

Baibuli y'Oluganda

Contents

ENDAGAANO ENKADDE	1
Olubereberye	2
Essuula 1	2
Essuula 2	3
Essuula 3	4
Essuula 4	5
Essuula 5	6
Essuula 6	7
Essuula 7	8
Essuula 8	9
Essuula 9	10
Essuula 10	11
Essuula 11	12
Essuula 12	13
Essuula 13	14
Essuula 14	15
Essuula 15	16
Essuula 16	17
Essuula 17	18
Essuula 18	19
Essuula 19	20
Essuula 20	22
Essuula 21	23
Essuula 22	24
Essuula 23	25
Essuula 24	26
Essuula 25	29
Essuula 26	31
Essuula 27	32
Essuula 28	34
Essuula 29	35
Essuula 30	37
Essuula 31	38
Essuula 32	41
Essuula 33	42
Essuula 34	43
Essuula 35	44
Essuula 36	45
Essuula 37	47
Essuula 38	48
Essuula 39	50
Essuula 40	51
Essuula 41	52
Essuula 42	54
Essuula 43	56
Essuula 44	57
Essuula 45	59
Essuula 46	60

Essuula 47	61
Essuula 48	63
Essuula 49	64
Essuula 50	65
Okuva	67
Essuula 1	67
Essuula 2	67
Essuula 3	68
Essuula 4	70
Essuula 5	71
Essuula 6	72
Essuula 7	73
Essuula 8	74
Essuula 9	76
Essuula 10	77
Essuula 11	79
Essuula 12	79
Essuula 13	82
Essuula 14	83
Essuula 15	84
Essuula 16	85
Essuula 17	87
Essuula 18	88
Essuula 19	89
Essuula 20	90
Essuula 21	91
Essuula 22	92
Essuula 23	94
Essuula 24	95
Essuula 25	96
Essuula 26	97
Essuula 27	99
Essuula 28	100
Essuula 29	102
Essuula 30	104
Essuula 31	106
Essuula 32	107
Essuula 33	109
Essuula 34	110
Essuula 35	111
Essuula 36	113
Essuula 37	115
Essuula 38	116
Essuula 39	117
Essuula 40	119
Ebyabaleevi	122
Essuula 1	122
Essuula 2	122
Essuula 3	123

Essuula 4	124
Essuula 5	126
Essuula 6	127
Essuula 7	129
Essuula 8	130
Essuula 9	132
Essuula 10	133
Essuula 11	134
Essuula 12	136
Essuula 13	137
Essuula 14	140
Essuula 15	143
Essuula 16	144
Essuula 17	146
Essuula 18	147
Essuula 19	148
Essuula 20	150
Essuula 21	151
Essuula 22	152
Essuula 23	153
Essuula 24	156
Essuula 25	157
Essuula 26	159
Essuula 27	162
Okubala	164
Essuula 1	164
Essuula 2	166
Essuula 3	167
Essuula 4	170
Essuula 5	172
Essuula 6	173
Essuula 7	175
Essuula 8	179
Essuula 9	180
Essuula 10	181
Essuula 11	183
Essuula 12	184
Essuula 13	185
Essuula 14	186
Essuula 15	188
Essuula 16	190
Essuula 17	193
Essuula 18	193
Essuula 19	195
Essuula 20	196
Essuula 21	197
Essuula 22	199
Essuula 23	201
Essuula 24	202

Essuula 25	203
Essuula 26	204
Essuula 27	206
Essuula 28	208
Essuula 29	209
Essuula 30	211
Essuula 31	212
Essuula 32	214
Essuula 33	216
Essuula 34	218
Essuula 35	219
Essuula 36	221
Ekyamateeka	222
Essuula 1	222
Essuula 2	224
Essuula 3	225
Essuula 4	227
Essuula 5	229
Essuula 6	231
Essuula 7	232
Essuula 8	233
Essuula 9	234
Essuula 10	235
Essuula 11	237
Essuula 12	238
Essuula 13	240
Essuula 14	241
Essuula 15	242
Essuula 16	243
Essuula 17	244
Essuula 18	246
Essuula 19	247
Essuula 20	248
Essuula 21	249
Essuula 22	250
Essuula 23	251
Essuula 24	252
Essuula 25	253
Essuula 26	254
Essuula 27	255
Essuula 28	256
Essuula 29	260
Essuula 30	261
Essuula 31	262
Essuula 32	264
Essuula 33	266
Essuula 34	267
Yoswa	269
Essuula 1	269

Essuula 2	270
Essuula 3	271
Essuula 4	272
Essuula 5	273
Essuula 6	274
Essuula 7	275
Essuula 8	277
Essuula 9	279
Essuula 10	280
Essuula 11	282
Essuula 12	283
Essuula 13	284
Essuula 14	286
Essuula 15	286
Essuula 16	289
Essuula 17	289
Essuula 18	290
Essuula 19	292
Essuula 20	293
Essuula 21	294
Essuula 22	296
Essuula 23	298
Essuula 24	299
Ekyabalamuzi	301
Essuula 1	301
Essuula 2	302
Essuula 3	303
Essuula 4	305
Essuula 5	306
Essuula 6	307
Essuula 7	309
Essuula 8	311
Essuula 9	313
Essuula 10	315
Essuula 11	316
Essuula 12	318
Essuula 13	319
Essuula 14	320
Essuula 15	321
Essuula 16	322
Essuula 17	324
Essuula 18	324
Essuula 19	326
Essuula 20	328
Essuula 21	330
Luusi	332
Essuula 1	332
Essuula 2	333
Essuula 3	334

Essuula 4	335
1 Samwiri	337
Essuula 1	337
Essuula 2	338
Essuula 3	340
Essuula 4	341
Essuula 5	342
Essuula 6	343
Essuula 7	344
Essuula 8	345
Essuula 9	346
Essuula 10	347
Essuula 11	349
Essuula 12	349
Essuula 13	351
Essuula 14	352
Essuula 15	355
Essuula 16	356
Essuula 17	358
Essuula 18	360
Essuula 19	362
Essuula 20	363
Essuula 21	365
Essuula 22	366
Essuula 23	367
Essuula 24	369
Essuula 25	370
Essuula 26	372
Essuula 27	374
Essuula 28	374
Essuula 29	376
Essuula 30	376
Essuula 31	378
2 Samwiri	379
Essuula 1	379
Essuula 2	380
Essuula 3	381
Essuula 4	383
Essuula 5	384
Essuula 6	385
Essuula 7	386
Essuula 8	388
Essuula 9	389
Essuula 10	389
Essuula 11	390
Essuula 12	392
Essuula 13	393
Essuula 14	395
Essuula 15	397

Essuula 16	399
Essuula 17	400
Essuula 18	402
Essuula 19	403
Essuula 20	406
Essuula 21	407
Essuula 22	408
Essuula 23	410
Essuula 24	412
1 Bassekabaka	414
Essuula 1	414
Essuula 2	416
Essuula 3	418
Essuula 4	420
Essuula 5	421
Essuula 6	422
Essuula 7	424
Essuula 8	427
Essuula 9	430
Essuula 10	432
Essuula 11	433
Essuula 12	435
Essuula 13	437
Essuula 14	439
Essuula 15	440
Essuula 16	442
Essuula 17	444
Essuula 18	445
Essuula 19	447
Essuula 20	448
Essuula 21	451
Essuula 22	452
2 Bassekabaka	456
Essuula 1	456
Essuula 2	457
Essuula 3	458
Essuula 4	459
Essuula 5	461
Essuula 6	463
Essuula 7	465
Essuula 8	466
Essuula 9	467
Essuula 10	469
Essuula 11	471
Essuula 12	472
Essuula 13	474
Essuula 14	475
Essuula 15	476
Essuula 16	478

Essuula 17	.479
Essuula 18	.482
Essuula 19	.483
Essuula 20	.485
Essuula 21	.486
Essuula 22	.488
Essuula 23	.489
Essuula 24	.491
Essuula 25	.492
1 Ebyomumirembe	.495
Essuula 1	.495
Essuula 2	.496
Essuula 3	.498
Essuula 4	.499
Essuula 5	.500
Essuula 6	.502
Essuula 7	.504
Essuula 8	.506
Essuula 9	.507
Essuula 10	.509
Essuula 11	.510
Essuula 12	.511
Essuula 13	.513
Essuula 14	.514
Essuula 15	.515
Essuula 16	.516
Essuula 17	.517
Essuula 18	.519
Essuula 19	.520
Essuula 20	.521
Essuula 21	.521
Essuula 22	.523
Essuula 23	.524
Essuula 24	.525
Essuula 25	.526
Essuula 26	.527
Essuula 27	.528
Essuula 28	.530
Essuula 29	.532
2 Ebyomumirembe	.534
Essuula 1	.534
Essuula 2	.534
Essuula 3	.536
Essuula 4	.537
Essuula 5	.538
Essuula 6	.538
Essuula 7	.541
Essuula 8	.542
Essuula 9	.543

Essuula 10	.545
Essuula 11	.546
Essuula 12	.547
Essuula 13	.547
Essuula 14	.549
Essuula 15	.549
Essuula 16	.550
Essuula 17	.551
Essuula 18	.552
Essuula 19	.554
Essuula 20	.555
Essuula 21	.556
Essuula 22	.558
Essuula 23	.558
Essuula 24	.560
Essuula 25	.561
Essuula 26	.563
Essuula 27	.564
Essuula 28	.565
Essuula 29	.566
Essuula 30	.568
Essuula 31	.570
Essuula 32	.571
Essuula 33	.573
Essuula 34	.574
Essuula 35	.576
Essuula 36	.577
Ezera	.580
Essuula 1	.580
Essuula 2	.580
Essuula 3	.582
Essuula 4	.583
Essuula 5	.585
Essuula 6	.586
Essuula 7	.587
Essuula 8	.588
Essuula 9	.590
Essuula 10	.591
Nekkemiya	.594
Essuula 1	.594
Essuula 2	.594
Essuula 3	.595
Essuula 4	.597
Essuula 5	.598
Essuula 6	.599
Essuula 7	.600
Essuula 8	.602
Essuula 9	.604
Essuula 10	.606

Essuula 11	.607
Essuula 12	.609
Essuula 13	.611
Eseza	.613
Essuula 1	.613
Essuula 2	.614
Essuula 3	.615
Essuula 4	.616
Essuula 5	.617
Essuula 6	.618
Essuula 7	.619
Essuula 8	.619
Essuula 9	.620
Essuula 10	.622
Yobu	.623
Essuula 1	.623
Essuula 2	.624
Essuula 3	.624
Essuula 4	.625
Essuula 5	.626
Essuula 6	.627
Essuula 7	.628
Essuula 8	.629
Essuula 9	.629
Essuula 10	.630
Essuula 11	.631
Essuula 12	.632
Essuula 13	.633
Essuula 14	.633
Essuula 15	.634
Essuula 16	.635
Essuula 17	.636
Essuula 18	.637
Essuula 19	.637
Essuula 20	.638
Essuula 21	.639
Essuula 22	.640
Essuula 23	.641
Essuula 24	.642
Essuula 25	.643
Essuula 26	.643
Essuula 27	.644
Essuula 28	.644
Essuula 29	.645
Essuula 30	.646
Essuula 31	.647
Essuula 32	.649
Essuula 33	.650
Essuula 34	.651

Essuula 35	.652
Essuula 36	.653
Essuula 37	.654
Essuula 38	.655
Essuula 39	.656
Essuula 40	.657
Essuula 41	.657
Essuula 42	.658
Zabbuli	.660
Essuula 1	.660
Essuula 2	.660
Essuula 3	.660
Essuula 4	.661
Essuula 5	.661
Essuula 6	.661
Essuula 7	.662
Essuula 8	.662
Essuula 9	.663
Essuula 10	.663
Essuula 11	.664
Essuula 12	.664
Essuula 13	.665
Essuula 14	.665
Essuula 15	.665
Essuula 16	.666
Essuula 17	.666
Essuula 18	.667
Essuula 19	.668
Essuula 20	.669
Essuula 21	.669
Essuula 22	.670
Essuula 23	.671
Essuula 24	.671
Essuula 25	.671
Essuula 26	.672
Essuula 27	.673
Essuula 28	.673
Essuula 29	.674
Essuula 30	.674
Essuula 31	.674
Essuula 32	.675
Essuula 33	.676
Essuula 34	.677
Essuula 35	.677
Essuula 36	.678
Essuula 37	.679
Essuula 38	.680
Essuula 39	.681
Essuula 40	.681

Essuula 41	.682
Essuula 42	.682
Essuula 43	.683
Essuula 44	.683
Essuula 45	.684
Essuula 46	.685
Essuula 47	.685
Essuula 48	.686
Essuula 49	.686
Essuula 50	.687
Essuula 51	.688
Essuula 52	.688
Essuula 53	.689
Essuula 54	.689
Essuula 55	.689
Essuula 56	.690
Essuula 57	.690
Essuula 58	.691
Essuula 59	.691
Essuula 60	.692
Essuula 61	.692
Essuula 62	.693
Essuula 63	.693
Essuula 64	.694
Essuula 65	.694
Essuula 66	.695
Essuula 67	.695
Essuula 68	.696
Essuula 69	.697
Essuula 70	.698
Essuula 71	.698
Essuula 72	.699
Essuula 73	.700
Essuula 74	.701
Essuula 75	.702
Essuula 76	.702
Essuula 77	.702
Essuula 78	.703
Essuula 79	.706
Essuula 80	.706
Essuula 81	.707
Essuula 82	.707
Essuula 83	.708
Essuula 84	.708
Essuula 85	.709
Essuula 86	.709
Essuula 87	.710
Essuula 88	.710
Essuula 89	.711

Essuula 90	712
Essuula 91	713
Essuula 92	713
Essuula 93	714
Essuula 94	714
Essuula 95	715
Essuula 96	715
Essuula 97	716
Essuula 98	716
Essuula 99	717
Essuula 100	717
Essuula 101	717
Essuula 102	718
Essuula 103	718
Essuula 104	719
Essuula 105	720
Essuula 106	721
Essuula 107	723
Essuula 108	724
Essuula 109	725
Essuula 110	726
Essuula 111	726
Essuula 112	726
Essuula 113	727
Essuula 114	727
Essuula 115	727
Essuula 116	728
Essuula 117	728
Essuula 118	728
Essuula 119	729
Essuula 120	734
Essuula 121	734
Essuula 122	735
Essuula 123	735
Essuula 124	735
Essuula 125	735
Essuula 126	736
Essuula 127	736
Essuula 128	736
Essuula 129	736
Essuula 130	737
Essuula 131	737
Essuula 132	737
Essuula 133	738
Essuula 134	738
Essuula 135	738
Essuula 136	739
Essuula 137	740
Essuula 138	740

Essuula 139	740
Essuula 140	741
Essuula 141	742
Essuula 142	742
Essuula 143	743
Essuula 144	743
Essuula 145	744
Essuula 146	744
Essuula 147	745
Essuula 148	745
Essuula 149	746
Essuula 150	746
Engero	747
Essuula 1	747
Essuula 2	748
Essuula 3	748
Essuula 4	750
Essuula 5	750
Essuula 6	751
Essuula 7	752
Essuula 8	753
Essuula 9	754
Essuula 10	755
Essuula 11	756
Essuula 12	757
Essuula 13	758
Essuula 14	759
Essuula 15	761
Essuula 16	762
Essuula 17	763
Essuula 18	764
Essuula 19	765
Essuula 20	766
Essuula 21	767
Essuula 22	768
Essuula 23	769
Essuula 24	770
Essuula 25	771
Essuula 26	772
Essuula 27	773
Essuula 28	774
Essuula 29	776
Essuula 30	777
Essuula 31	778
Omubuulizi	780
Essuula 1	780
Essuula 2	780
Essuula 3	782
Essuula 4	783

Essuula 5	783
Essuula 6	784
Essuula 7	785
Essuula 8	786
Essuula 9	787
Essuula 10	788
Essuula 11	789
Essuula 12	789
Oluyimba Iwa Sulemaani	791
Essuula 1	791
Essuula 2	791
Essuula 3	792
Essuula 4	793
Essuula 5	793
Essuula 6	794
Essuula 7	795
Essuula 8	795
Isaaya	797
Essuula 1	797
Essuula 2	798
Essuula 3	799
Essuula 4	800
Essuula 5	800
Essuula 6	802
Essuula 7	803
Essuula 8	804
Essuula 9	805
Essuula 10	806
Essuula 11	807
Essuula 12	808
Essuula 13	809
Essuula 14	810
Essuula 15	811
Essuula 16	811
Essuula 17	812
Essuula 18	813
Essuula 19	813
Essuula 20	815
Essuula 21	815
Essuula 22	816
Essuula 23	817
Essuula 24	818
Essuula 25	819
Essuula 26	819
Essuula 27	820
Essuula 28	821
Essuula 29	822
Essuula 30	823
Essuula 31	825

Essuula 32	.826
Essuula 33	.826
Essuula 34	.828
Essuula 35	.828
Essuula 36	.829
Essuula 37	.830
Essuula 38	.832
Essuula 39	.833
Essuula 40	.833
Essuula 41	.835
Essuula 42	.836
Essuula 43	.837
Essuula 44	.838
Essuula 45	.840
Essuula 46	.841
Essuula 47	.842
Essuula 48	.842
Essuula 49	.843
Essuula 50	.845
Essuula 51	.845
Essuula 52	.847
Essuula 53	.847
Essuula 54	.848
Essuula 55	.849
Essuula 56	.850
Essuula 57	.850
Essuula 58	.851
Essuula 59	.852
Essuula 60	.853
Essuula 61	.854
Essuula 62	.855
Essuula 63	.856
Essuula 64	.857
Essuula 65	.857
Essuula 66	.858
Yeremiya	.861
Essuula 1	.861
Essuula 2	.862
Essuula 3	.863
Essuula 4	.865
Essuula 5	.866
Essuula 6	.868
Essuula 7	.869
Essuula 8	.871
Essuula 9	.872
Essuula 10	.873
Essuula 11	.874
Essuula 12	.875
Essuula 13	.876

Essuula 14	.878
Essuula 15	.879
Essuula 16	.880
Essuula 17	.881
Essuula 18	.882
Essuula 19	.884
Essuula 20	.884
Essuula 21	.885
Essuula 22	.886
Essuula 23	.888
Essuula 24	.890
Essuula 25	.890
Essuula 26	.892
Essuula 27	.893
Essuula 28	.895
Essuula 29	.895
Essuula 30	.897
Essuula 31	.898
Essuula 32	.900
Essuula 33	.903
Essuula 34	.904
Essuula 35	.905
Essuula 36	.906
Essuula 37	.908
Essuula 38	.909
Essuula 39	.911
Essuula 40	.912
Essuula 41	.913
Essuula 42	.914
Essuula 43	.915
Essuula 44	.916
Essuula 45	.918
Essuula 46	.918
Essuula 47	.919
Essuula 48	.920
Essuula 49	.922
Essuula 50	.924
Essuula 51	.926
Essuula 52	.929
Okukungubaga	.932
Essuula 1	.932
Essuula 2	.933
Essuula 3	.934
Essuula 4	.936
Essuula 5	.937
Ezekyeri	.938
Essuula 1	.938
Essuula 2	.939
Essuula 3	.940

Essuula 4	941
Essuula 5	942
Essuula 6	943
Essuula 7	944
Essuula 8	945
Essuula 9	946
Essuula 10	947
Essuula 11	948
Essuula 12	949
Essuula 13	950
Essuula 14	952
Essuula 15	953
Essuula 16	953
Essuula 17	956
Essuula 18	958
Essuula 19	959
Essuula 20	960
Essuula 21	962
Essuula 22	964
Essuula 23	965
Essuula 24	968
Essuula 25	969
Essuula 26	970
Essuula 27	971
Essuula 28	972
Essuula 29	974
Essuula 30	975
Essuula 31	976
Essuula 32	977
Essuula 33	979
Essuula 34	981
Essuula 35	982
Essuula 36	983
Essuula 37	985
Essuula 38	986
Essuula 39	987
Essuula 40	989
Essuula 41	992
Essuula 42	993
Essuula 43	994
Essuula 44	996
Essuula 45	997
Essuula 46	999
Essuula 47	1000
Essuula 48	1002
Danyeri	1004
Essuula 1	1004
Essuula 2	1005
Essuula 3	1007

Essuula 4	1009
Essuula 5	1011
Essuula 6	1013
Essuula 7	1014
Essuula 8	1016
Essuula 9	1017
Essuula 10	1019
Essuula 11	1020
Essuula 12	1022
Koseya	1024
Essuula 1	1024
Essuula 2	1024
Essuula 3	1025
Essuula 4	1026
Essuula 5	1027
Essuula 6	1027
Essuula 7	1028
Essuula 8	1028
Essuula 9	1029
Essuula 10	1030
Essuula 11	1031
Essuula 12	1031
Essuula 13	1032
Essuula 14	1033
Yoweeri	1034
Essuula 1	1034
Essuula 2	1035
Essuula 3	1036
Amosi	1038
Essuula 1	1038
Essuula 2	1038
Essuula 3	1039
Essuula 4	1040
Essuula 5	1041
Essuula 6	1042
Essuula 7	1043
Essuula 8	1044
Essuula 9	1044
Obadiya	1046
Essuula 1	1046
Yona	1048
Essuula 1	1048
Essuula 2	1048
Essuula 3	1049
Essuula 4	1049
Mikka	1051
Essuula 1	1051
Essuula 2	1051
Essuula 3	1052

Essuula 4	1053
Essuula 5	1053
Essuula 6	1054
Essuula 7	1055
Nakumu	1057
Essuula 1	1057
Essuula 2	1057
Essuula 3	1058
Kaabakuuku	1060
Essuula 1	1060
Essuula 2	1060
Essuula 3	1061
Zeffaniya	1063
Essuula 1	1063
Essuula 2	1064
Essuula 3	1064
Kaggayi	1066
Essuula 1	1066
Essuula 2	1066
Zekkaliya	1068
Essuula 1	1068
Essuula 2	1069
Essuula 3	1069
Essuula 4	1070
Essuula 5	1071
Essuula 6	1071
Essuula 7	1072
Essuula 8	1072
Essuula 9	1074
Essuula 10	1075
Essuula 11	1075
Essuula 12	1076
Essuula 13	1077
Essuula 14	1077
Malaki	1080
Essuula 1	1080
Essuula 2	1080
Essuula 3	1081
Essuula 4	1082
ENDAGAANO EMPYA	1084
Matayo	1085
Essuula 1	1085
Essuula 2	1086
Essuula 3	1087
Essuula 4	1087
Essuula 5	1088
Essuula 6	1090
Essuula 7	1092
Essuula 8	1093

Essuula 9	1094
Essuula 10	1096
Essuula 11	1097
Essuula 12	1098
Essuula 13	1100
Essuula 14	1103
Essuula 15	1104
Essuula 16	1105
Essuula 17	1106
Essuula 18	1108
Essuula 19	1109
Essuula 20	1110
Essuula 21	1111
Essuula 22	1113
Essuula 23	1115
Essuula 24	1116
Essuula 25	1118
Essuula 26	1120
Essuula 27	1123
Essuula 28	1125
Makko	1127
Essuula 1	1127
Essuula 2	1128
Essuula 3	1129
Essuula 4	1131
Essuula 5	1132
Essuula 6	1134
Essuula 7	1136
Essuula 8	1137
Essuula 9	1139
Essuula 10	1140
Essuula 11	1143
Essuula 12	1144
Essuula 13	1146
Essuula 14	1147
Essuula 15	1150
Essuula 16	1152
Lukka	1153
Essuula 1	1153
Essuula 2	1155
Essuula 3	1157
Essuula 4	1159
Essuula 5	1160
Essuula 6	1162
Essuula 7	1164
Essuula 8	1166
Essuula 9	1168
Essuula 10	1171
Essuula 11	1173

Essuula 12	1175
Essuula 13	1177
Essuula 14	1179
Essuula 15	1180
Essuula 16	1181
Essuula 17	1183
Essuula 18	1184
Essuula 19	1186
Essuula 20	1187
Essuula 21	1189
Essuula 22	1191
Essuula 23	1193
Essuula 24	1195
Yokaana	1198
Essuula 1	1198
Essuula 2	1199
Essuula 3	1200
Essuula 4	1202
Essuula 5	1204
Essuula 6	1205
Essuula 7	1208
Essuula 8	1210
Essuula 9	1212
Essuula 10	1213
Essuula 11	1215
Essuula 12	1217
Essuula 13	1219
Essuula 14	1220
Essuula 15	1222
Essuula 16	1223
Essuula 17	1224
Essuula 18	1225
Essuula 19	1226
Essuula 20	1228
Essuula 21	1230
Ebikolwa	1232
Essuula 1	1232
Essuula 2	1233
Essuula 3	1235
Essuula 4	1236
Essuula 5	1237
Essuula 6	1239
Essuula 7	1240
Essuula 8	1242
Essuula 9	1243
Essuula 10	1245
Essuula 11	1247
Essuula 12	1248
Essuula 13	1249

Essuula 14	1252
Essuula 15	1253
Essuula 16	1254
Essuula 17	1256
Essuula 18	1257
Essuula 19	1259
Essuula 20	1260
Essuula 21	1262
Essuula 22	1264
Essuula 23	1265
Essuula 24	1267
Essuula 25	1268
Essuula 26	1269
Essuula 27	1271
Essuula 28	1272
Abaruumi	1275
Essuula 1	1275
Essuula 2	1276
Essuula 3	1277
Essuula 4	1278
Essuula 5	1279
Essuula 6	1280
Essuula 7	1281
Essuula 8	1282
Essuula 9	1284
Essuula 10	1285
Essuula 11	1286
Essuula 12	1287
Essuula 13	1288
Essuula 14	1289
Essuula 15	1290
Essuula 16	1291
1 Abakkolinso	1293
Essuula 1	1293
Essuula 2	1294
Essuula 3	1295
Essuula 4	1295
Essuula 5	1296
Essuula 6	1297
Essuula 7	1298
Essuula 8	1300
Essuula 9	1300
Essuula 10	1301
Essuula 11	1302
Essuula 12	1304
Essuula 13	1305
Essuula 14	1305
Essuula 15	1307
Essuula 16	1309

2 Abakkolinso	1311
Essuula 1	1311
Essuula 2	1312
Essuula 3	1312
Essuula 4	1313
Essuula 5	1314
Essuula 6	1315
Essuula 7	1316
Essuula 8	1316
Essuula 9	1318
Essuula 10	1318
Essuula 11	1319
Essuula 12	1320
Essuula 13	1321
Abaggalatiya	1323
Essuula 1	1323
Essuula 2	1323
Essuula 3	1324
Essuula 4	1326
Essuula 5	1327
Essuula 6	1328
Abaefeeso	1329
Essuula 1	1329
Essuula 2	1330
Essuula 3	1331
Essuula 4	1331
Essuula 5	1333
Essuula 6	1334
Abafiripi	1336
Essuula 1	1336
Essuula 2	1337
Essuula 3	1338
Essuula 4	1339
Abakkolosaayi	1341
Essuula 1	1341
Essuula 2	1342
Essuula 3	1343
Essuula 4	1344
1 Abasessaloniika	1345
Essuula 1	1345
Essuula 2	1345
Essuula 3	1346
Essuula 4	1347
Essuula 5	1347
2 Abasessaloniika	1349
Essuula 1	1349
Essuula 2	1349
Essuula 3	1350
1 Timoseewo	1352

Essuula 1	1352
Essuula 2	1352
Essuula 3	1353
Essuula 4	1354
Essuula 5	1354
Essuula 6	1355
2 Timoseewo	1357
Essuula 1	1357
Essuula 2	1357
Essuula 3	1358
Essuula 4	1359
Tito	1361
Essuula 1	1361
Essuula 2	1361
Essuula 3	1362
Firemoonii	1364
Essuula 1	1364
Abaebbulaniya	1365
Essuula 1	1365
Essuula 2	1365
Essuula 3	1366
Essuula 4	1367
Essuula 5	1368
Essuula 6	1368
Essuula 7	1369
Essuula 8	1370
Essuula 9	1371
Essuula 10	1372
Essuula 11	1374
Essuula 12	1376
Essuula 13	1377
Yakobo	1379
Essuula 1	1379
Essuula 2	1380
Essuula 3	1381
Essuula 4	1381
Essuula 5	1382
1 Peetero	1384
Essuula 1	1384
Essuula 2	1385
Essuula 3	1386
Essuula 4	1387
Essuula 5	1388
2 Peetero	1389
Essuula 1	1389
Essuula 2	1390
Essuula 3	1391
1 Yokaana	1393
Essuula 1	1393

Essuula 2	1393
Essuula 3	1394
Essuula 4	1395
Essuula 5	1396
2 Yokaana	1398
Essuula 1	1398
3 Yokaana	1399
Essuula 1	1399
Yuda	1400
Essuula 1	1400
Okubikkulirwa	1402
Essuula 1	1402
Essuula 2	1403
Essuula 3	1404
Essuula 4	1405
Essuula 5	1406
Essuula 6	1406
Essuula 7	1407
Essuula 8	1408
Essuula 9	1409
Essuula 10	1410
Essuula 11	1410
Essuula 12	1411
Essuula 13	1412
Essuula 14	1413
Essuula 15	1414
Essuula 16	1415
Essuula 17	1416
Essuula 18	1416
Essuula 19	1418
Essuula 20	1419
Essuula 21	1420
Essuula 22	1421

ENDAGAANO ENKADDE

Olubereberye

Essuula 1

- 1 Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi.
- 2 Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde; n'ekizikiza kyali kungulu ku buziba: omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi.
- 3 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo obutangaavu. Ne wabaawo obutangaavu.
- 4 Katonda n'alaba nga kirungi: Katonda n'ayawula wakati mu butangaavu n'ekizikiza.
- 5 Katonda obutangaavu n'abuyita emisana, n'ekizikiza n'akiyita ekiro. Nebuba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olumu.
- 6 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo abbanga wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi n'amazzi.
- 7 Katonda n'assaawo ebbanga n'ayawula amazzi agali wansi w'ebbanga n'amazzi agali waggulu mu bbanga: bwe kityo bwe kyali.
- 8 Katonda ebbanga n'aliyita eggulu. Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okubiri.
- 9 Katonda n'ayogera nti, Amazzi agali wansi w'ggulu gakuaanire mu kifo kimu, olukalu lulabike: bwe kityo bwe kyali.
- 10 Katonda olukalu n'aluyita ensi; n'ekkuuaniro ly'amazi n'aliyita ennyanja: Katonda n'alaba nga kirungi.
- 11 Katonda n'ayogera nti, ensi emere ebimeera, omuddo ogubala ensigo, omuti gw'ebibala, ogubala ebibala mu ngeri yaagwo, ogulimu ensigo yaagwo, ku nsi: bwe kityo bwe kyali.
- 12 Ensi n'emera ebimera, omuddo ogubala ensigo mu ngeri yaagwo, n'omuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yaagwo, mu ngeri yaagwo: Katonda n'akiraba nga kirungi.
- 13 Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okusatu.
- 14 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo ebyaka mu bbanga ery'eggulu; byawulenga emisana n'ekiyo, bibenga ng'obubonero, n'ebiro, n'ennaku n'emyaka:
- 15 Bibenga ng'ettabaaza mu bbanga ery'eggulu byakenga ku nsi: bwe kityo bwe kyali.
- 16 Katonda n'akola ebyaka bibiri ebinene; ekyaka ekisinga obunene okufuganga emisana, n'ekyaka ekitono okufuganga ekiro: era n'emmunyeenye.
- 17 Katonda n'abiteeka mu bbanga ery'eggulu byakenga ku nsi,
- 18 bifuganga emisana n'ekiyo, era byawulenga obutangaavu n'ekizikiza: Katonda n'akiraba nga kirungi.
- 19 Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okuna.
- 20 Katonda n'ayogera nti, Amazzi gazaale ebyewalula bingi ebirina obulamu, era n'ebibuuka bibuuke ku nsi mu bbanga ery'eggulu.
- 21 Katonda n'atonda balukwata abanene, na buli ekirina obulamu ekyewalula, amazzi kye gaazaala mu ngeri zaabyo, na buli ekibuuka ekirina ebyoya mu ngeri yaakyo: Katonda n'akiraba nga kirungi.
- 22 Katonda n'abiwa omukisa n'ayongerera nti, Mweyongere mwale, mujjuze amazzi ag'omu nnyanja, era n'ebibuuka byeyongere mu nsi.
- 23 Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okutaano.
- 24 Katonda n'ayogera nti, Ensi ereete ekirina obulamu mu ngeri yaakyo, ente, n'ekyewalula, n'ensolo y'ensi mu ngeri yaayo: bwe kityo bwe kyali.
- 25 Katonda n'akola ensolo y'ensi mu ngeri yaazo, n'ente mu ngeri yaazo, na buli ekyewalula ku nsi mu ngeri yaakyo: Katonda n'akiraba nga kirungi.
- 26 Katonda n'ayogera nti, Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe: bafuganga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu, n'ente, n'ensi yonna, na buli ekyewalula

ku nsi.

- 27 Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda.
- 28 Katonda n'abawa omukisa, Katonda n'abagamba nti, Mweyongerenga, mwalenga, mujjuze ensi, mugirye: mufugenga eby'omu nyanja, n'ebibuuka waggulu, na buli ekirina obulamu ekitambula ku nsi.
- 29 Katonda n'ayogera nti, Laba, mbawadde omuddo gwonna ogubala ensigo, oguli ku nsi yonna, na buli muti ogulimu, ekibala ky'omuti ogubala ensigo eri mmwe; gunaabanga mmere.
- 30 n'eri buli ensolo ey'oku nsi, na buli ekibuuka waggulu, na buli ekyewalula ku nsi, ekirimu omukka omulamu, ngiwadde omuddo gwonna omubisi okubeeranga emmere: bwe kityo bwe kyali.
- 31 Katonda n'alaba buli ky'akoze; era, laba, nga kirungi. Ne buba akawungeezi ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'omukaaga.

Essuula 2

- 1 Ne biggwa okukola eggulu n'ensi n'eggye lyabyo lyonna.
- 2 Katonda n'amalira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gye yakola; n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gyonna gye yakola.
- 3 Katonda n'awa omukisa olunaku olw'omusanvu n'alutukuza: kubanga olwo lwe yawummuliramu mu mirimu gye gyonna Katonda gye yatonda gye yakola.
- 4 Bwe lityo ezzadde ery'eggulu n'ensi bwe lyatondebwa, ku lunaku Mukama Katonda lwe yakolerako ensi n'eggulu.
- 5 Na buli muti ogw'omu nsiko nga tegunnaba kubeerawo mu nsi, na buli muddo ogw'omu nsiko nga tegunnaba kumera: kubanga Mukama Katonda yali nga tannaba kutonnyesa nkuba ku nsi, nga tewali muntu alima ensi;
- 6 naye olufu ne lulinnya okuva mu nsi, ne lutonnya amazzi ku nsi yonna.
- 7 Mukama Katonda n'abumba omuntu, n'enfuufu y'ensi, n'amufuwamu mu nnyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu.
- 8 Mukama Katonda n'asimba olusuku mu Aden ku luuyi olw'ebuvanjuba; n'ateeka omwo omuntu gwe yabumba.
- 9 Mukama Katonda n'ameza mu nsi buli muti ogusanyusa amaaso omulungi okulya; n'omuti ogw'obulamu wakati mu lusuku, n'omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi.
- 10 Omugga ne gusibuka mu Adeni okufukiriranga amazzi mu lusuku; ne gwawukanamu ne gufuuka emitwe ena.
- 11 Ogw'olubereberye erinnya lyagwo Pisoni; ogwo gwe gwetooloola ensi yonna eya Kavina, erimu zaabu;
- 12 ne zaabu ey'omu nsi eri nnungi: mulimu bedola n'amayinja sokamu.
- 13 N'erinnya ly'omugga ogw'okubiri Gikoni: ogwo gwe gwetooloola ensi yonna eya Kkuusi.
- 14 N'erinnya ly'omugga ogw'okusatu Kidekeri: ogwo gwe guyita ku mabbali g'e Bwasuli. N'omugga ogw'okuna Fulaati.
- 15 Mukama Katonda n'atwala omuntu, n'amuteeka mu lusuku Adeni alulimenga alukuumenga.
- 16 Mukama Katonda n'alagira omuntu n'amugamba nti Buli muti ogw'omu lusuku olyangako nga bw'onooyagalanga:
- 17 naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako: kubanga olunaku lw'oligulyako tolirema kufa.
- 18 Mukama Katonda n'ayogera nti Si kirungi omuntu okubeeranga yekka; n'amukolera

omubeezi amusaanira.

- 19 Mukama Katonda n'akola n'ettaka buli nsolo ey'omu nsiko, na buli ekibuuka waggulu; n'abireetera omuntu, okulaba bw'anaabiyita: n'omuntu buli lye yayita ekitonde kyonna ekiramu eryo lye linnya lyakyo.
- 20 Omuntu n'abituuma amannya buli nsolo n'ekibuuka waggulu na buli nsolo ey'omu nsiko; naye omuntu nga tannalaba mubeezi amusaanira.
- 21 Mukama Katonda n'aleetera omuntu otulo tungi, ne yeebaka; n'amuggyamu olubiriizi lumu, n'azzaawo ennyama mu kifo kyalwo.
- 22 Mukama Katonda n'azimba olubiriizi, lw'aggye mu muntu, okuba omukazi, n'amuleeta eri omuntu.
- 23 Omuntu n'ayogera nti Ono nno lye ggumba erivudde mu magumba gange, ye nnyama evudde mu nnyama yange: naye anaayitibwanga mukazi, kubanga aggiddwa mu musajja.
- 24 Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukazi we: nabo banaabanga omubiri gumu.
- 25 Bombi baali bwereere, omusajja ne mukazi we, so tebaakwatibwa nsonyi.

Essuula 3

- 1 N'omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko, ze yakola Mukama Katonda. Ne gugamba omukazi nti Bw'aty'o bwe yayogera Katonda nti Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?
- 2 Omukazi n'agamba omusota nti Ebibala by'emiti egy'omu lusuku tulya;
- 3 Wabula ebibala by'omuti oguli wakati mu lusuku, Katonda yayogera nti Temugulyangako newakubadde okugukwatangako muleme okufa.
- 4 Omusota ne gugamba omukazi nti Okufa temulifa.
- 5 Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nammwe muliba nga Katonda okumanyanga obulungi n'obubi.
- 6 Omukazi bwe yalaba ng'omuti mulungi okulya, era nga gusanyusa amaaso n'omuti nga gwa kwegombewwa, okuleeta amagezi, n'anoga ku bibala byagwo n'alya, n'awa era ne ku musajja we naye n'alya.
- 7 Amaaso gaabwe bombi ne gazibuka ne beetegeera nga baali bwereere; ne batunga amalagala g'emiti ne beekolera eby'okwambala.
- 8 Ne bawulira eddoozi lya Mukama Katonda ng'atambula mu lusuku mu kiseera eky'empewo: omusajja ne mukazi we ne beekweka mu maaso ga Mukama Katonda wakati mu miti egy'omu lusuku.
- 9 Mukama Katonda n'ayita omusajja n'amugamba: nti Oli luuyi wa?
- 10 N'ayogera nti, Mpulidde eddoozi lyo mu lusuku, n'entya, kubanga mbadde bwereere; ne nneekweka.
- 11 N'ayogera nti Ani eyakubuulira nti obadde bwereere? Olidde ku muti gwe nnakulagira obutagulyangako?
- 12 Omusajja n'ayogera nti Omukazi, gwe wampa okubeeranga nange ye ampadde ku muti, ne ndya.
- 13 Mukama Katonda n'agamba omukazi nti Kiki kino ky'okoze? Omukazi n'ayogera nti Omusota gunsenzesenze, ne ndya.
- 14 Mukama Katonda n'agamba omusota nti, Kubanga okoze kino, okolimiddwa ggwe okusinga ensolo ez'omu nnyumba zonna, n'okusinga buli nsolo ey'omu nsiko; onootambuzanga olubuto, onoolyanga enfuufu ennaku zonna ez'obulamu bwo:
- 15 nange obulabe nnaabuteekanga wakati wo n'omukazi, era ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi: (ezzadde ly'omukazi) lirikubetenta omutwe, naawe oliribetenta

ekisinziiro.

- 16 N'agamba omukazi nti Okwongera nnaakwongerangako obulumi bwo n'okubeeranga kwo olubuto; mu bulumi mw'onoozaaliranga abaana; n'okwegomba kwo kunaabanga eri musajja wo, naye anaakufuganga.
- 17 N'agamba Adamu nti Kubanga owulidde eddoboosi lya mukazi wo, n'olya ku muti gwe nnakulagira nga njogera nti Togulyangako: ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu kutegana mw'onoggyanga ebyokulya ennaku zonna ez'obulamu bwo;
- 18 amaggwa n'amatovu g'eneekuzaaliranga; naawe onoolyanga omuddo ogw'omu nnimiro.
- 19 Mu ntuuyo ez'omu maaso go mw'onooliiranga emmere,-okutuusa lw'olidda mu ttaka; kubanga omwo mwe waggibwa; kubanga oli nfuufu ggwe, ne mu nfuufu mw'olidda.
- 20 Omusajja n'atuuma mukazi we erinnya lye Kaawa; kubanga ono ye nnyina w'abo bonna abalamu.
- 21 Mukama Katonda n'akolera Adamu ne mukazi we ebyambalo by'amaliba, n'abambaza.
- 22 Mukama Katonda n'ayogera nti Laba, omuntu afuuse ng'omu ku ffe, okumanyanga obulungi n'obubi; kaakano, aleme okugolola omukono gwe okunoga ku muti ogw'obulamu, okulya okuwangaalanga emirembe n'emirembe;
- 23 Mukama Katonda kyeyava amuggya mu lusuku Adeni, alimenga ettaka mwe yaggibwa.
- 24 Bw'atyo n'agoba omuntu; n'azzaamu ebuvanjuba mu lusuku Adeni bakerubi, era n'ekitala ekimyansa ekikyukakyuka okukuumanga ekkubo ery'omuti ogw'obulamu.

Essuula 4

- 1 Adamu n'amanya Kaawa mukazi we; n'abeera olubuto, n'azaala Kayini, n'ayogera nti Mpeereddwa omusajja eri Mukama.
- 2 Era nate n'azaala muganda we Abiri. Abiri n'aba musumba wa ndiga, naye Kayini n'aba mulimi wa ttaka.
- 3 Awo ennaku bwe zaayitawo Kayini n'alyoka aleeta ebibala by'ettaka okubiwaayo eri Katonda.
- 4 Abiri naye n'aleeta ku baana b'endiga ze ababereberye n'amasavu gaazo. Mukama n'akkiriza Abiri ne ky'awaddeyo.
- 5 Naye Kayini ne ky'awaddeyo teyamukkiriza. Kayini n'asunguwala nnyo, amaaso ge ne goonooneka.
- 6 Mukama n'agamba Kayini, nti Kiki ekikusunguwaza? era kiki ekikwonoonesha amaaso go?
- 7 Bw'onookolanga obulungi, tokkirizibwenga? Bw'otokola bulungi, ekibi kituula ku luggi: n'okwegomba kwe kunaabanga eri ggwe, naawe onoomufuganga.
- 8 Kayini n'ayogera ne Abiri muganda we. Awo bwe baali nga bali mu nnimiro, Kayini n'alyoka agolokokera ku Abiri muganda we n'amutta.
- 9 Mukama n'agamba Kayini nti, Aluwa Abiri muganda wo? N'ayogera nti Simanyi: nze mukuumi wa muganda wange?
- 10 N'ayogera nti Okoze ki? Eddoboosi ly'omusaayi gwa muganda wo linkaabirira mu nsi.
- 11 Kale kaakano okolimiddwa mu nsi, eyasamizza akamwa kaayo okuweebwa omusaayi gwa muganda wo mu mukono gwo;
- 12 bw'onoolimanga ensi, okuva kaakano tekuwenga maanyi gaayo; mu nsi onoobanga mmomboze era omutambuze.
- 13 Kayini n'agamba Mukama nti Okubonerezebwa kwange, tekuyinzika

kugumiikirizibwa.

- 14 Laba, ongobyee leero mu maaso g'ensi; era mu maaso go mwe nneekwekanga; era nnaabanga mmomboze era omutambuze mu nsi; awo olulituuka buli alindaba, alinzita.
- 15 Mukama n'amugamba nti Buli alitta Kayini kyaliva awalanwa eggwanga emirundi omusanvu. Mukama n'ateeka ku Kayini akabonero buli amulaba alemenga okumutta.
- 16 Kayini n'ava mu maaso ga Mukama, n'atuula mu nsi ya Enodi mu maaso ga Adeni.
- 17 Kayini n'amanya mukazi we; n'abeera olubuto, n'azaala Enoka: n'azimba ekibuga, n'akituuma Enoka ng'erinnya ly'omwana we.
- 18 Ne Enoka n'azaala Iradi: Iradi n'azaala Mekuyaeri: Mekuyaeri n'azaala Mesusaeri:
- 19 Lameka n'awasa abakazi babiri; ow'olubereberye erinnya lye Ada, n'ow'okubiri erinnya lye Zira.
- 20 Ada n'azaala Yabali: oyo ye kitaabwe w'abo abatuula mu weema nga balunda.
- 21 N'erinnya lya muganda we Yubali; oyo ye kitaabwe w'abo abakuba ennanga n'omulere.
- 22 Nate Zira n'azaala Tubalukayini, omuweesi wa buli ekisaala eky'ekikomo n'eky'ekyuma: ne mwannyina Tubalukayini ye Naama.
- 23 Lameka n'agamba bakazi be nti Ada ne Zira, muwulire eddoozi lyange: Mmwe abakazi ba Lameka, muwulire ekigambo kyange: Kubanga natta omusajja kubanga yanfumita nze, Era omuvubuka kubanga yambetenta nze:
- 24 Obanga Kayini aliwalanirwa eggwanga emirundi musanvu, Lameka aliwalanirwa emirundi nsanvu mu musanvu.
- 25 Adamu n'amanya nate mukazi we; n'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya lye Seezi: Kubanga Katonda yandagiririra ezzadde eddala okudda mu kifo kya Abiri; kubanga Kayini yamutta.
- 26 Seezi naye n'azaala omwana ow'obulenzi; n'amutuuma erinnya lye Enosi: mu biro ebyo mwe baasookera okusabanga erinnya lya Mukama.

Essuula 5

- 1 Kino kye kitabo eky'okuzaalibwa kwa Adamu. Olunaku Katonda lwe yatonderamu omuntu, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamukolera;
- 2 omusajja n'omukazi bwe yabatonda; n'abawa omukisa, n'abatuumu erinnya lyabwe Adamu ku lunaku lwe baatonderwamu.
- 3 Adamu n'amala emyaka kikumi mu asatu, n'azaala omwana ow'obulenzi mu kifaananyi kye, mu ngeri ye; n'amutuuma erinnya lye Seezi:
- 4 eanaku za Adamu bwe yamala okuzaala Seezi emyaka lunaana, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 5 Ennaku zonna eza Adamu ze yamala ne ziba emyaka lwenda mu asatu; n'afa.
- 6 Seezi n'amala emyaka kikumi mu ataano, n'azaala Enosi.
- 7 Seezi n'awangaala bwe yamala okuzaala Enosi emyaka lunaana mu musanvu n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala;
- 8 ennaku zonna eza Seezi ne ziba emyaka lwenda mu kkumi n'ebiri; n'afa.
- 9 Enosi n'amala emyaka kyenda, n'azaala Kenani:
- 10 Enosi n'awangaala bwe yamala okuzaala Kenani emyaka lunaana mu kkumi n'etaano, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:
- 11 ennaku zonna eza Enosi ne ziba emyaka lwenda mu etaano; n'afa.
- 12 Kenani n'amala emyaka nsanvu, n'azaala Makalaleri:
- 13 Kenani n'awangaala bwe yamala okuzaala Makalaleri emyaka lunaana mu ana, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:

- 14 ennaku zonna eza Kenani ne ziba emyaka lwenda mu kkumi; n'afa.
- 15 Makalaleri n'amala emyaka nkaaga mu etaano, n'azaala Yakedi:
- 16 Makalaleri n'awangaala bwe yamala okuzaala Yaledi emyaka lunaana mu asatu, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:
- 17 ennaku zonna eza Makalaleri ne ziba emyaka lunaana mu kyenda mu etaano; n'afa.
- 18 Yaledi n'amala emyaka kikumi mu nkaaga mu ebiri, n'azaala Enoka;
- 19 Yaledi n'awangaala bwe yamala okuzaala Enoka emyaka lunaana, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:
- 20 ennaku zonna eza Yaledi ne ziba emyaka lwenda mu nkaaga mu ebiri; n'afa.
- 21 Enoka n'amala emyaka nkaaga mu etaano, n'azaala Mesuseera:
- 22 Enoka n'atambulira wamu ne Katonda bwe yamala okuzaala Mesuseera emyaka bisatu, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:
- 23 ennaku zonna eza Enoka ne ziba emyaka bisatu mu nkaaga mu etaano:
- 24 Enoka n'atambulira wamu ne Katonda: so n'atabeerawo; kubanga Katonda yamutwala.
- 25 Mesuseera n'amala emyaka kikumi mu kinaana mu musanvu, n'azaala Lameka:
- 26 Mesuseera n'awangaala bwe yamala okuzaala Lameka emyaka lusanvu mu kinaana mu ebiri, n'azaala abaana ab'obulelizi n'ab'obuwala:
- 27 ennaku zonna eza Mesuseera ne ziba emyaka lwenda mu nkaaga mu mwenda; n'afa.
- 28 Lameka n'amala emyaka kikumi mu kinaana mu ebiri, n'azaala omwana ow'obulenzi:
- 29 n'amutuuma erinnya lye Nuuwa, ng'ayogera nti Ono ye alitusanyusa mu mulimu gwaffe ne mu kutegana okw'emikono gyaffe olw'ensi Mukama gye yakolimira.
- 30 Lameka n'awangaala bwe yamala okuzaala Nuuwa emyaka bitaano mu kyenda mu etaano, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:
- 31 ennaku zonna eza Lameka ne ziba emyaka lusanvu mu nsanvu mu musanvu; n'afa.
- 32 Nuuwa yali nga yaakamala emyaka bitaano: Nuuwa n'azaala Seemu, Kaamu, ne Yafeesi.

Essuula 6

- 1 Awo abantu bwe baasooka okweyongera ku nsi, ne bazaala abaana ab'obuwala,
- 2 abaana ba Katonda ne balaba abawala b'abantu nga balungi; ne bawasanga abakazi mu bonna be baalonda.
- 3 Mukama n'ayogera nti Omwoyo gwange teguuwakanenga na muntu emirembe n'emirembe, kubanga naye gwe mubiri: naye ennaku ze ziriba emyaka kikumi mu abiri.
- 4 Mu biro ebyo waaliwo Abanefuli mu nsi, era oluvannyuma, abaana ba Katonda bwe baayingiranga eri abawala b'abantu, ne babazaalira abaana: bano be b'amaanyi abasooka edda, abantu abaayatiikirira.
- 5 Mukama n'alaba obubi bw'omuntu nga bungi mu nsi, na buli kufumiitiriza kw'ebirowoozo eby'omu mutima gwe nga kubi kwereere bulijjo.
- 6 Mukama ne yejjusa kubanga yakola omuntu mu nsi, n'anakuwala mu mutima gwe.
- 7 Mukama n'ayogera nti Ndisangula omuntu gwe nnatonda, okuva mu nsi; okusookera ku muntu, n'ensolo, n'eky'ewalula n'ekibuuka waggulu; kubanga nejjusizza kubanga nabikola.
- 8 Naye Nuuwa n'alaba ekisa mu maaso ga Mukama.
- 9 Kuno kwe kuzaala kwa Nuuwa. Nuuwa yali mutuukirivu, nga talina kabi mu mirembe gye: Nuuwa n'atambulira wamu ne Katonda.
- 10 Nuuwa n'azaala abaana basatu, Seemu, Kaamu, ne Yafeesi.

- 11 Ensi n'eyonooneka mu maaso ga Katonda, ensi n'ejjula eddalu.
- 12 Katonda n'alaba ensi, ng'eyoonese; kubanga ekirina omubiri kyonna kyali nga kimaze okwonoona ekkubo lyakyo ku nsi.
- 13 Katonda n'agamba Nuuwa nti Enkomerero ya buli ekirina omubiri etuuse mu maaso gange, kubanga ensi ejjudde eddalu ku lwabwe; kale, laba, ndibazikiriza wamu n'ensi.
- 14 Weekolere eryato n'omuti goferi; osalangamu ennyumba mu lyato, osiige munda ne kungulu envumbo.
- 15 Bw'otyo bw'okolanga: emikono ebikumi bisatu obuwanvu bw'eryato, n'emikono ataano obugazi bwalyo, n'emikono asatu obugulumivu bwalyo.
- 16 Osalangako ekituli ku lyato, era ng'omukono gumu bw'olimala waggulu; n'omulyango gw'eryato oguteekanga mu mbiriizi zaalyo okolanga eryato nga lirina ennyumba eya wansi, n'ey'okubiri, n'ey'okusatu.
- 17 Nange, laba, nze ndireeta amataba ag'amazzi ku nsi, okuzikiriza ekirina omubiri kyonna ekirima omukka ogw'obulamu wansi w'eggulu; buli ekiri mu nsi kirifa.
- 18 Naye ndiragaana endagaano yange naawe; oliyingira mu lyato, ggwe n'abaana bo, ne mukazi wo, n'abakazi b'abaana bo wamu naawe.
- 19 Ne mu buli kiramumu mu birina omubiri byonna, bibiri bibiri mu buli ngeri by'olireeta mu lyato, biryoke bibeere ebiramu awamu naawe; biriba ekisajja n'ekikazi.
- 20 Mu bibuuka mu ngeri yaabyo, mu nte mu ngeri yaazo, mu buli ekyewalula eky'omu nsi mu ngeri yaakyo, mu buli ngeri bibiri birijja gy'oli, bibe ebiramu.
- 21 Naawe weetwalire ku mmere yonna eriibwa, ogyekuaanyize; eriba mmere gy'oli ggwe nabyo.
- 22 Nuuwa n'akola bw'atyo; nga byonna Katonda bye yamulagira bw'atyo bwe yakola.

Essuula 7

- 1 Mukama n'agamba Nuuwa nti Yingira ggwe n'ennyumba yo yonna mu lyato, kubanga nkulabye ng'oli mutuukirivu mu maaso gange mu mireembe gino.
- 2 Mu buli nsolo ennongoofu twala musanvu musanvu ensajja n'enkazi yaayo; era ne mu nsolo ezitali nnongoofu bbiri, ensajja n'enkazi yaayo;
- 3 era ne mu bibuuka waggulu, musanvu musanvu, ekisajja n'ekikazi: ezzadde liryoke libe eddamu ku nsi yonna.
- 4 Kubanga oluvannyuma lw'ennaku omusanvu nze nditonnyesa enkuba ku nsi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro; nange ndisangula buli kintu ekiramumu kye nnakola okuva mu ttaka.
- 5 Nuuwa byonna n'abikola nga Katonda bwe yamulagira.
- 6 Naye Nuuwa yali nga yaakamala emyaka lukaaga, amataba ag'amazzi bwe gaabeera ku nsi.
- 7 Nuuwa n'ayingira n'abaana be: awamu naye mu lyato olw'amazzi g'amataba.
- 8 Mu nsolo ennongoofu, ne mu nsolo ezitali nnongoofu, ne mu bibuuka, ne mu buli ekyewalula ku nsi,
- 9 bibiri bibiri ne biyingira eri Nuuwa mu lyato, ekisajja n'ekikazi nga Katonda bwe yalagira Nuuwa.
- 10 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ennaku omusanvu ziri, amazzi ag'amataba ne gaba ku nsi.
- 11 Mu mwaka ogw'olukaaga og'wobulamu bwa Nuuwa, mu mwezi ogw'okubiri, ku lunaku olw'ekkumi n'omusanvu olw'omwezi, ku lunaku olwo ne zizibukuka ensulo zonna, ez'omu nnyanja ennene, n'ebituli eby'omu ggulu ne bigguka.
- 12 Enkuba n'etonnyera ku nsi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro.
- 13 Ku lunaku olwo Nuuwa n'ayingira ne Seemu ne Kaamu ne Yafeesi, abaana ba Nuuwa,

- ne mukazi wa Nuuwa n'abakazi abasatu ab'abaana be awamu nabo, mu lyato;
- 14 Abo na buli nsolo mu ngeri yaayo, n'ente zonna mu ngeri yaazo, na buli ekyewalula ku nsi mu ngeri yaakyo, na buli ekibuuka mu ngeri yaakyo, buli nnyonyi eya buli kiwaawaatiro.
 - 15 Ne biyingira eri Nuuwa mu lyato bibiri bibiri mu buli nnyama yonna erimu omukka ogw'obulamu.
 - 16 Ebyayingira ne biyingira ekisajja n'ekikazi mu buli nnyama, nga Katonda bwe yamulagira: Mukama n'amuggalira munda.
 - 17 Amataba ne gabeera ku nsi, ennaku amakumi ana; amazzi ne geeyongera ne gasitula eryato; ne liwanikibwa waggulu w'ensi.
 - 18 Amazzi ne gafuga, ne geeyongera nnyo ku nsi; eryato ne liseeyeeya kungulu ku mazzi.
 - 19 Amazzi ne gayinza nnyo ku nsi; ensozi zonna empanvu ne zisaanikirwa ezaali wansi w'eggulu lyonna.
 - 20 Emikono kkumi n'etaano okugenda waggulu amazzi bwe gaayinza; ensozi ne zisaanikirwa.
 - 21 Buli nnyama etambula ku nsi n'efa, ekibuuka, n'ente, n'ensolo na buli ekyewalula ku nsi, na buli muntu yenna:
 - 22 byonna ebyalimu omukka ogw'omwoyo ogw'obulamu mu nnyindo zaabyo, mu byonna ebyali mu lukalu ne bifa.
 - 23 N'asangula buli kintu kiramu ekyali kungulu ku ttaka, omuntu, n'ente, n'ekyewalula, n'ekibuuka waggulu; ne bisangulibwa ku nsi: Nuuwa n'asigalawo yekka, n'abo abaali awamu naye mu lyato.
 - 24 Amazzi ne gayinza ku nsi ennaku kikumi mu ataano.

Essuula 8

- 1 Katonda n'ajjukira Nuuwa na buli kiramu na buli nte eyali awamu naye mu lyato: Katonda n'aleeta empewo ziyite ku nsi, amazzi ne gaweebuuka;
- 2 era n'ensulo ez'ennyanja n'ebituli eby'omu ggulu ne biggalirwa, enkuba ey'omu ggulu n'eziyizibwa;
- 3 amazzi ne gadda okuva ku nsi obutayosa: ne gaweebuuka amazzi oluvannyuma ennaku ekikumi mu ataano bwe zaayitawo.
- 4 Mu mwezi ogw'omusanvu, ku lunaku olw'ekkumi n'omusanvu olw'omwezi eryato ne lituula ku nsozi za Alalati.
- 5 Amazzi ne gaweebuuka obutayosa okutuusa ku mwezi ogw'ekkumi: mu mwezi ogw'ekkumi, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi entikko z'ensozi ne zirabika.
- 6 Awo oluvannyuma lw'ennaku amakumi ana Nuuwa n'asumulula ekituli eky'eryato kye yakola:
- 7 n'atuma namuona n'afulumu n'addiananga okutuusa amazzi lwe gaakalira ku nsi.
- 8 N'atuma ejjiba okuva w'ali alyoke alabe ng'amazzi gaweebuuse kungulu ku nsi;
- 9 naye ejjiba teryalaba bbanga wa kuwummuza ekigere kyalyo, ne likomawo gy'ali mu lyato, kubanga amazzi gaali kungulu ku nsi yonna: n'afulumu omukono gwe, n'alikwata n'aliyingiza mw'ali mu lyato.
- 10 N'ayosaawo ennaku musanvu nate; nate n'atuma ejjiba okuva mu lyato;
- 11 ejjiba ne likomawo olw'eggulo mw'ali; laba, mu kamwa kaalyo ne muba akalagala akabisi ak'omuzeeyituuni: Nuuwa n'alyoka amanya nti amazzi gaweebuuse okuva ku nsi.
- 12 N'ayosaawo ennaku musanvu nate; n'atuma ejjiba; awo oluvannyuma teryakomawo nate gy'ali.

- 13 Awo mu mwaka ogw'olukaaga mu gumu, mu mwezi ogw'olubereberye, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi, amazzi ne g akalira ku nsi; Nuuwa n'aggyako ekyasaanikira eryato, n'atunuulira, laba, kungulu ku nsi nga kukalidde.
- 14 Mu mwezi ogw'okubiri, ku lunaku olw'amakumi abiri mu musanvu olw'omwezi, ensi n'ekalira.
- 15 Katonda n'agamba Nuuwa nti
- 16 Va mu lyato, ggwe, ne mukazi wo, n'abaana bo, n'abakazi b'abaana bo, awamu naawe.
- 17 Ofulumye wamu naawe buli kiramu ekiri awamu naawe mu buli nnyama yonna, ekibuuka n'ente na buli ekyewalula ku nsi; bizaalenga bibune mu nsi, byalenga byeyongerenga ku nsi.
- 18 Nuuwa n'afuluma, n'abaana be ne mukazi we n'abakazi b'abaana be awamu naye:
- 19 buli nsolo, buli ekyewalula, na buli ekibuuka, buli ekitambula kyonna ku nsi, mu bika byabyo, ne bifuluma mu lyato.
- 20 Nuuwa n'azimbira Mukama ekyoto; n'alonda ku nsolo zonna ennongoofu, ne ku bibuuka byonna ebirongoofu, n'aweerayo ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto.
- 21 Mukama n'awulira evvumbe eddungi; Mukama n'ayogera mu mutima gwe nti Ensi sikyagikolimira nate oluvannyuma ku lw'omuntu; kubanga okulowooza okw'omu mutima gw'omuntu kubi okuva mu buto bwe; so sikyakuba nate oluvannyuma buli kiramu, nga bwe nkoze.
- 22 Ensi ng'ekyaliwo, okusiga n'okukungula, era empewo n'ebbugumu, era ekyeya ne ttoggo, era emisana n'ekiro tebiggwengawo.

Essuula 9

- 1 Katonda n'awa Nuuwa n'abaana be omukisa, n'abagamba nti Mwalenga mweyongerenga, mujjule ensi.
- 2 N'ekitiibwa kyammwe n'entiisa yammwe binaabanga ku buli nsolo ey'ensi, ne ku buli nnyonyi eya waggulu; era ne byonna ebijjuza olukalu, n'ebyennyanya byonna, biweereddwayo mu mukono gwammwe.
- 3 Buli kiramu ekitambula kinaabanga kya kulya gye muli; ng'omuddo ogumera byonna mbibawadde.
- 4 Naye ennyama awamu n'obulamu bwayo, gwe musaayi gwayo, temugiryanga.
- 5 Era omusaayi gwammwe, ogw'obulamu bwammwe, siiremenga kuguvunaana; eri buli nsolo nnaaguvunaananga: n'eri omuntu, eri buli muganda w'omuntu, n'avunaananga obulamu bw'omuntu.
- 6 Buli muntu anaayiwanga omusaayi gw'omuntu, omusaayi gwe guyiyibwenga abantu: kubanga mu kifaananyi kya Katonda mwe yakolera abantu.
- 7 Nammwe mwalenga, mweyongerenga; muzaalenga nnyo ku nsi, mweyongerenga omwo.
- 8 Katonda n'agamba Nuuwa n'abaana be awamu naye,
- 9 nti Nange, laba, nnywezezza endagaano yange nammwe era n'ezzadde lyammwe erinaddangawo;
- 10 era na buli kiramu ekiri awamu nammwe, ennyonyi, ente, na buli nsolo ey'ensi awamu nammwe; byonna ebiva mu lyato, buli nsolo ey'ensi.
- 11 Nange nnaanywezanga endagaano yange nammwe; so ebirina omubiri byonna tebikyazikirizibwa nate mulundi gwa kubiri n'amazzi ag'amataba; so tewakyabaawo mataba nate mulundi gwa kubiri okuzikiriza ensi.
- 12 Katonda n'ayogera nti Kano ke kabonero ak'endagaano gye ndagaana nze nammwe na buli kitonde kiramu ekiri nammwe, okutuusa emirembe egitaliggwaawo:

- 13 nteeka musoke wange ku kire, era anaabanga kabonero ak'endagaano gye ndagaanye n'ensi.
- 14 Kale olunaatuukanga, bwe nnaaletanga ekire ku nsi, musoke anaalabikiranga ku kire,
- 15 nange najjukiranga endagaano yange, gye ndagaanye nze nammwe na buli kitonde kiramu ekirina omubiri kyonna; n'amazzi tegaafuukenga nate mataba okuzikiriza omubiri gwonna.
- 16 Ne musoke anaabanga ku kire; nange naamutunuuliranga, njjukire endagaano eteridiba Katonda gy'alagaanye na buli kitonde ekiramu ekirina omubiri kyonna ekiri mu nsi.
- 17 Katonda n'agamba Nuuwa nti Ako ke kabonero ak'endagaano gye nnywezezza nze na buli ekirina omubiri ekiri mu nsi.
- 18 N'abaana ba Nuuwa, abaava mu lyato, Seemu, ne Kaamu, ne Yafeesi: ne Kaamu ye yazaala Kanani.
- 19 Abo bonsatule Nuuwa be yazaala: n'abazzukulu b'abo be baabuna ensi zonna.
- 20 Nuuwa n'atanula okuba omulimi, n'asimba olusuku olw'emizabbibu:
- 21 n'anywa ku mwenge gwalwo, n'atamiira: n'akunamira mu weema ye.
- 22 Kaamu, ye yazaala Kanani, n'alaba ensonyi za kitaawe, n'abuulira baganda be ababiri abaali ebweru.
- 23 Seemu ne Yafeesi ne batoola ekyambalo, ne bakiteeka ku bibegabega byabwe bombi, ne batambula ekyennyumannyuma, ne babikka ku nsonyi za kitaabwe; era amaaso gaabwe nga gatunuulira nnyuma, ne batalaba nsonyi za kitaabwe.
- 24 Nuuwa n'atamiirukuka mu mwenge gwe, n'amanya omwana we omuto bwe yamukola.
- 25 N'ayogera nti, Kanani akolimirwe; Anaabanga muddu w'abaddu eri baganda be.
- 26 Era yayogera nti Mukama yeebazibwe, Katonda wa Seemu; Era Kanani abeerenga muddu we.
- 27 Katonda agaziye Yafeesi, Era atuulenga mu weema za Seemu; Era Kanani abeerenga muddu we.
- 28 Nuuwa n'awangaala amataba nga gamaze okubaawo emyaka bisatu mu ataano.
- 29 N'ennaku zonna eza Nuuwa zaali myaka lwenda mu ataano: n'afa.

Essuula 10

- 1 Ne kuno kwe kuzaala kw'abaana ba Nuuwa, Seemu, Kaamu ne Yafeesi: abaana ne babazaalirwa amataba nga gamaze okubaawo.
- 2 Abaana ba Yafeesi: Gomeri, ne Magogi, ne Madayi, ne Yivani, ne Tubali, ne Meseki, ne Tirasi.
- 3 N'abaana ba Gomeri: Asukenaazi, ne Lifasi, ne Togatuma.
- 4 N'abaana ba Yavani: Erisa, ne Talusiisi, Kitimu, ne Dodanimu.
- 5 Abo be baagabirwa ebizinga eby'amawanga mu nsi zaabwe, buli muntu ng'olulimi lwe bwe lwali; ng'ebika byabwe bwe byali, mu mawanga gaabwe.
- 6 N'abaana ba Kaamu: Kuusi, ne Mizulayimu, ne Puuti, ne Kanani.
- 7 N'abaana ba Kuusi: Seeba, ne Kavira, ne Sabuta, ne Laama, ne Sabuteka: n'abaana ba Laama: Seeba, ne Dedaai.
- 8 Kuusi n'azaala Nimuloodi; n'atanula okuba ow'amaanyi mu nsi.
- 9 Yali muyizzi wa maanyi mu maaso ga Mukama: kyekiva kyogerwa nti Nga Nimuloodi omuyizzi ow'amaanyi mu maaso ga Mukama.
- 10 N'okusooka kw'obwakabaka bwe kwali Baberi, ne Ereki, ne Akudi, ne Kalune, mu nsi Sinali.
- 11 N'ava mu nsi omwo n'agenda mu Bwasuli, n'azimba Nineeve, ne Lekobosiyira, ne

Kala,

- 12 ne Leseni ekiri wakati wa Nineeve ne Kala (ekyo kye kibuga ekinene).
- 13 Mizulayimu n'azaala Ludimu, ne Ananimu, ne Lekabimu, ne Nafutukimu,
- 14 ne Pasulusimu, ne Kasulukimu (omwawa Abafirisuuti), ne Kafutolimu.
- 15 Kanani n'azaala Zidoni omubereberye we, ne Keesi,
- 16 n'Omuyebusi, n'Omwanoli, n'Omugirugaasi;
- 17 n'Omukiivi, n'Omwaluki, n'Omusiini;
- 18 n'Omwaluvada, n'Omuzemali, n'Omukamasi; n'ebika eby'Omukanani ne biddirira abo okubuna.
- 19 N'ensalo ey'Omukanani yava mu Zidoni, ng'ogenda e Gerali, n'etuuka ku Gaza; era yatuuka ku Lasa, ng'ogenda e Sodoma ne Ggomola ne Aduma ne Zeboyimu.
- 20 Abo be baana ba Kaamu, ebika byabwe nga bwe byali, n'ennimi zaabwe, mu nsi zaabwe, mu mawanga gaabwe.
- 21 Era ne Seemu, jjajja w'abaana bonna aba Eberi, muganda wa Yafeesi omukulu, naye n'azaalirwa abaana.
- 22 Abaana ba Seemu: Eramu, ne Asuli, ne Alupakusaadi ne Ludi, ne Alamu.
- 23 N'abaana ba Alamu: Uzi, ne Kuuli, ne Ggeseri, ne Masi.
- 24 Ne Alupakusaadi n'azaala Seera; Seera n'azaala Eberi.
- 25 Eberi n'azaalirwa abaana babiri: erinnya ly'omu Peregi; kubanga mu nnaku ze ensi zonna mwe zaagabirwa; n'erinnya lya muganda we Yokutaani.
- 26 Yokutaani n'azaala Alumodaadi, ne Serefu, ne Kazalumaveesi, ne Yera;
- 27 ne Kadolaamu, ne Uzali, ne Dikula;
- 28 Ane Obali, ne Abimayeeeri, ne Seeba;
- 29 ne Ofiri, ne Kavira, ne Yobabu: abo bonna baana ba Yokutaani.
- 30 N'ensi gye baatuulamu yava ku Mesa, ng'ogenda e Serali, olusozi olw'ebuvanjuba.
- 31 Abo be baana ba Seemu, ebika byabwe nga bwe byali, n'ennimi zaabwe, mu nsi zaabwe, amawanga gaabwe nga bwe gaali.
- 32 Ebyo bye bika eby'abaana ba Nuuwa, ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, mu mawanga gaabwe: era mu abo mwe gaava amawanga okwawulirwa mu nsi amataba nga gamaze okubaawo.

Essuula 11

- 1 N'ensi zonna zaalina olulimi lumu n'enjogera emu.
- 2 Awo, bwe baali batambula ebuwanjuba, ne balaba olusenyi mu nsi Sinali; ne batuula omwo.
- 3 Ne bagambagana nti Kale nno, tukole amatoffaali, tugookere ddala. Awo ne baba n'amatoffaali mu kifo ky'amayinja, n'ebitosi mu kifo ky'ennoni.
- 4 Ne boogera nti Kale nno, twezimbire ekibuga, n'ekigo, (ekirituusa) entikko yaakyo mu ggulu, era twefunire erinnya; tuleme okusaasaanira ddala ewala mu nsi zonna.
- 5 Mukama n'akka okulaba ebibuga n'ekigo, abaana b'abantu bye bazimba.
- 6 Mukama n'ayogera nti Laba, abo lye ggwanga limu, era bonna baalina olulimi lumu; era kino kye batanula okukola: ne kaakano tewali ekigenda okubalema, kye baagala okukola.
- 7 Kale nno, tukke, tutabuliretabulire eyo olulimi lwabwe, baleme okutegeera enjogera yaabwe bokka na bokka.
- 8 Bw'atyo Mukama n'abasaasaaniza ddala okuva eyo okubuna ensi zonna: ne baleka okuzimba ekibuga.
- 9 Erinnya lyakyo kye lyava lituumibwa Baberi; kubanga eyo Mukama gye yatabuliratabulira olulimi lw'ensi zonna: n'okuva eyo Mukama n'abasaasaaniza ddala okubuna

ensi zonna.

- 10 Kuno kwe kuzaala kwa Seemu. Seemu yali yaakamaze emyaka kikumi, n'azaala Alupakusaadi amataba nga gaakamaze emyaka ebiri okubaawo:
- 11 Seemu n'awangaala bwe yamala okuzaala Alupakusaadi emyaka bitaano, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 12 Alupakusaadi n'amala emyaka asatu mu etaano, n'azaala Seera:
- 13 Alupakusaadi n'awangaala bwe yamala okuzaala Seera emyaka bina mu esatu, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 14 Seera n'amala emyaka asatu, n'azaala Eberi:
- 15 Seera n'awangaala bwe yamala okuzaala Eberi emyaka bina mu esatu, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 16 Eberi n'amala emyaka asatu mu ena, n'azaala Peregi:
- 17 Ebezi n'awangaala bwe yamala okuzaala Peregi emyaka bina mu asatu, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 18 Peregi n'amala emyaka asatu, n'azaala Leewo:
- 19 Peregi n'awangala bwe yamala okuzaala Leewo emyaka bibiri mu mwenda, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 20 Leewo n'amala emyaka asatu mu ebiri, n'azaala Serugi;
- 21 Leewo n'awangaala bwe yamala okuzaala Serugi emyaka bibiri mu musanvu, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 22 Serugi n'amala emyaka asatu, n'azaala Nakoli:
- 23 Serugi n'awangaala bwe yamala okuzaala Nakoli, emyaka bibiri, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 24 Nakoli n'amala emyaka abiri mu mwenda, n'azaala Teera:
- 25 Nakoli n'awangaala bwe yamala okuzaala Teera emyaka kikumi mu kkumi mu mwenda, n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 26 Teera n'amala emyaka nsanvu, n'azaala Ibulaamu, Nakoli ne Kalani.
- 27 Era kuno kwe kuzaala kwa Teera. Teera yazaala Ibulaamu, Nakoli, ne Kalani; Kalani n'azaala Lutti.
- 28 Kalani n'afiira awali kitaawe mu nsi mwe yazaalirwa, mu Uli, y'ensi ey'Abakaludaaya.
- 29 Ne Ibulaamu ne Nakoli ne beewasiza abakazi: omukazi wa Ibulaamu erinnya lye Salaayi; n'omukazi wa Nakoli erinnya lye Mirika, omwana wa Kalani, ye kitaawe wa Mirika, era kitaawe wa Isika.
- 30 Era Salaayi yali mugumba; teyalina mwana.
- 31 Teera n'atwala Ibulaamu omwana we, ne Lutti, omwana wa Kalani, omuzzukulu we, ne Salaayi muka mwana we, omukazi w'omwana we Ibulaamu; ne bavaayo nabo mu Uli, ye ensi ey'Abakaludaaya, okuyingira mu nsi ya Kanani; ne batuuka e Kalani, ne batuula eyo.
- 32 N'ennaku za Teera zaali emyaka bibiri mu etaano: Tera n'afiira mu Kalani.

Essuula 12

- 1 Awo Mukama n'agamba Ibulaamu nti Va mu nsi ya nnyo, era awali ekika kyo, n'ennyumba ya kitaawo, oyingire mu nsi gye ndikulaga:
- 2 nange ndikufuula eggwanga eddene, era naakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo; era beeranga mukisa ggwe:
- 3 nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n'oyo anaakukolimiranga naamukolimiranga nze; ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mwe biriweerwa omukisa.

- 4 Bw' atyo Ibulaamu n' agenda, nga Mukama bwe yamugamba; ne Lutti n' agenda naye: Ibulaamu yali yaakamaze emyaka nsanvu mu etaano bwe yava mu Kalani.
- 5 Ibulaamu n' atwala Salaayi mukazi we, ne Lutti omwana wa muganda we, n' ebintu byabwe byonna bye baali bakuaanyizza; n' abantu be baafunira mu Kalaani; ne bavaayo okuyingira mu nsi ya Kanani; ne bayingira mu nsi ya Kanani.
- 6 Ibulaamu n' ayita mu nsi n' atuuka mu kifo kya Sekemu, awali omuvule gwa Mmoole. Era Omukanaani yali mu nsi mu biro ebyo.
- 7 Mukama n' alabikira Ibulaamu, n' ayogera nti Ezzadde lyo ndiriwa ensi eno: n' azimbira eyo ekyoto eri Mukama eyamulabikira.
- 8 N' avaayo n' agenda awali olusozi ku luuyi olw' ebuwanjuba olw' e Beseri, n' asimba eweema ye, e Beseri nga kiri ku luuyi olw' ebugwanjuba, ne Ayi ku luuyi olw' ebuwanjuba: n' azimbira eyo ekyoto eri Mukama, n' akaabira erinnya lya Mukama.
- 9 Ibulaamu n' atambula, ng' akyakwata ekkubo ery' obukiika obwa ddyo.
- 10 Ne wagwa enjala mu nsi: Ibulaamu n' aserengeta mu Misiri, okutuula omwo; kubanga enjala yali nnyingi mu nsi.
- 11 Awo, bwe yali ng' anaatera okuyingira mu Misiri, n' alyoka agamba Salaayi mukazi we nti Laba, mmanyi nga gw' oli mukazi mulungi okutunuulira:
- 12 kale, Abamisiri bwe balikulaba, kyebaliva boogera nti Oyo ye mukazi we: era balinzita, nze, naye ggwe balikuwonya mulamu.
- 13 Oyogeranga, nkwegayiridde, nga gw' oli mwannyinaze: ndyoke ndabe ebirungi ku bubwo, n' obulamu bwange buwone ku lulwo.
- 14 Awo Ibulaamu bwe yamala okuyingira mu Misiri, Abamisiri ne balaba omukazi nga mulungi nnyo.
- 15 N' abakungu ba Falaawo ne bamulaba, ne bamutendereza eri Falaawo; ne batwala omukazi mu nnyumba ya Falaawo.
- 16 N' akola bulungi Ibulaamu ku bubwe: n' aba n' endiga, n' ente, n' endogoyi ensajja, n' abaddu, n' abazaana, n' endogoyi enkazi, n' eamira.
- 17 Mukama n' abonyaabonya Falaawo n' ennyumba ye n' ebibonoobono ebikulu olwa Salaayi mukazi wa Ibulaamu.
- 18 Falaawo n' ayita Ibulaamu, n' ayogera nti Kino kiki ky' onkoze? kiki ekyakulobera okumbuulira nga ye mukazi wo?
- 19 Kiki ekyakwozeza nti Ye mwannyinaze, nange n' okutwala ne mmutwala okuba mukazi wange: kale kaakano laba mukazi wo, omutwale, wegendere.
- 20 Falaawo n' amulagiririza abasajja: ne bamuwerekerako ye ne mukazi we ne byonna bye yalina.

Essuula 13

- 1 Ibulaamu n' alinnya n' ava mu Misiri, ye ne mukazi we ne byonna bye yalina, ne Lutti wamu naye, ne bagenda mu bukiika obwa ddyo.
- 2 Era Ibulaamu yalina obugagga bungi, ente, ne ffeeza, ne zaabu.
- 3 N' agenda ng' atambula n' ava mu bukiika obwa ddyo n' atuuka e Beseri, mu kifo eweema ye mwe yasooka okubeera, wakati w' e Beseri ne Ayi;
- 4 mu kifo eky' ekyoto kye yakola eyo olubereberye: Ibulaamu n' akaabira eyo erinnya lya Mukama.
- 5 Era ne Lutti, eyagenda ne Ibulaamu, yalina embuzi n' ente n' eweema.
- 6 Ensi n' etebayinza bombi okutuula awamu: kubanga ebintu byabwe byali bingi, n' okuyinza ne batayinza kutuula wamu.
- 7 Ne wabaawo empaka eri abasumba b' ente za Ibulaamu n' abasumba b' ente za Lutti: era Omukanani n' Omuperizi baatuula mu nsi mu nnaku ezo.

- 8 Ibulaamu n'agamba Lutti nti Waleme okubaawo empaka, nkwegayiridde eri nze naawe, n'eri abasumba bange n'abasumba bo; kubanga tuli ba luganda.
- 9 Ensi yonna teri mu maaso go? Yawukana nange nkwegayiridde: obanga oneeroboza omukono ogwa kkono, nange naagenda ku mukono ogwa ddyo; naawe bw'oneeroboza omukono ogwa ddyo, nange naagenda ku mukono ogwa kkono.
- 10 Lutti n'ayimusa amaaso ge, n'alaba olusenyi olwa Yoludaani lwonna, nga mulimu amazzi mangi wonna wonna, Mukama nga tannazikiriza Sodoma ne Ggomola, nga lufaanana ng'olusuku lwa Mukama, ng'ensi y'e Misiri, ng'ogenda mu Zowaali.
- 11 Awo Lutti ne yeeroboza olusenyi lwonna olwa Yoludaani; Lutti n'atambula ebuvanjuba: ne baawukana bokka na bokka.
- 12 Ibulaamu n'atuula mu nsi ya Kanani, ne Lutti n'atuula mu bibuga eby'omu lusenyi, n'ajjulula eweema ye n'agituusa e Sodoma.
- 13 N'abantu ab'omu Sodoma baali babi era boonoonyi nnyini mu maaso ga Mukama.
- 14 Mukama n'agamba Ibulaamu, Lutti bwe yamala okwawukana naye, nti Yimusa kaakano amaaso go, otunule ng'oyima mu kifo mw'oli, obukiika obwa kkono n'obwa ddyo n'ebuvanjuba n'ebugwanjuba:
- 15 kubanga ensi yonna gy'olabye, ndigiwa ggwe, n'ezzadde lyo emirembe gyonna.
- 16 Era ndifuula n'ezzadde lyo ng'enfuufu ey'oku nsi: era omuntu bw'ayinza okubala enfuufu ey'oku nsi, era n'ezzadde lyo liribalika.
- 17 Golokoka, otambule obune ensi obuwanvu bwayo n'obugazi bwayo; kubanga ndigiwa ggwe.
- 18 Ibulaamu n'ajjulula eweema ye, n'ajja n'atuula awali emivule gya Mamule, egiri mu Kebbulooni, n'azimbira eyo ekyoto eri Mukama.

Essuula 14

- 1 Awo mu mirembe gya Amulaferi kabaka w'e Sinali, Aliyoki, kabaka w'e Erasali, Kedolawomeeri, kabaka w'e Eramu, n'egya Tidali, kabaka w'e Goyiyimu,
- 2 ne balwana ne Bbeera, kabaka w'e Sodoma, ne Bbiruusa, kabaka w'e Ggomola, Sinaabu, kabaka w'e Aduma, ne Semebeeri, kabaka w'e Zeboyiyimu, ne kabaka w'e Bera (ye Zowaali).
- 3 Abo bonna ne beegattira mu kiwonvu Sidimu (eyo ye nnyanja ey'omunnya):
- 4 Ne baweerereza Kedolawomeeri emyaka kkumi n'ebiri, ne mu mwaka ogw'ekkumi n'esatu ne bajeema.
- 5 Ne mu mwaka ogw'ekkumi n'ena Kedolawomeeri n'ajja, ne bakabaka abaali awamu naye, ne bakubira Abaleefa mu Asuterosikalumayimu, n'Abazuuzi mu Kaamu, n'Abemi mu Savekiriyasayimu,
- 6 n'Abakooli ku lusozi lwabwe Seyiri, ne babagoba okutuusa Erupalaani ekiri okumpi n'eddungu.
- 7 Ne baddayo ne batuuka e Nuumisupaati (ye Kadesi), ne bakuba ensi yonna eya Abameleki, era n'eya Abamoli, abaatuula mu Kazazonutamali.
- 8 Ne watabaala kabaka w'e Sodoma, ne kabaka w'e Ggomola, ne kabaka w'e Aduma, ne kabaka w'e Zeboyiyimu, ne kabaka w'e Bera (ye Zowaali); ne bategeka olutalo okulwanira nabo mu kiwonvu Sidimu;
- 9 okulwana ne Kedolawomeeri, kabaka w'e Eramu, ne Tidali, kabaka w'e Goyiyimu, ne Amulafeeri, kabaka w'e Sinali, ne Aliyooki kabaka w'e Erasali: bakabaka abana nga balwana n'abataano.
- 10 Era ekiwonvu Sidimu kyali kijjudde obunnya obw'ebitosi; ne bakabaka w'e Sodoma ne Ggomola ne badduka, ne bagwa omwo, n'abo abaasigalawo ne baddukira ku lusozi.

- 11 Ne banyaga abintu byonna eby'omu Sodoma ne Ggomola, n'ebyokulya byabwe byonna, ne beegendera.
- 12 Ne banyaga Lutti, omwana wa muganda wa Ibulaamu, eyatuulanga mu Sodoma, n'ebintu bye, ne bagenda.
- 13 Ne wajja omu eyawonawo, n'abuulira Ibulaamu Omwebbulaniya: oyo yatuulanga awali emivule gya Mamule Omwamoli, muganda wa Esukoli, era muganda wa Aneri; nabo baali nga balagaanye ne Ibulaamu.
- 14 Ibulaamu bwe yawulira nga baanyaga muganda we, n'agenda ne basajja be abaayigirizibwa okulwana, abaazaalirwa mu nnyumba ye, ebikumi bisatu mu kkumi mu munaana, ne babagoberera okutuusa ku Ddaani.
- 15 Ne baawukanamu okubalumba ekiro, ye n'abaddu be, ne babakuba, ne babagoberera okutuusa ku Kkoba, ekiri ku mukono ogwa kkono ogw'e Ddamasiko.
- 16 N'akomyawo ebintu byonna, era n'akomyawo ne muganda we Lutti, n'ebintu bye, era n'abakazi, n'abantu.
- 17 Ne kabaka w'e Sodoma n'afulumu okumusisinkana, bwe yamala okukomawo ng'asse Kedolawomeeri ne bakabaka abaali naye, mu kiwonvu Save (kye kiwonvu kya kabaka).
- 18 Ne Merukizeddeeki kabaka w'e Ssaalemi n'aleta emmere n'omwenge: era ye yali kabona wa Katonda ali waggulu ennyo.
- 19 N'amusabira omukisa, n'ayogera nti Ibulaamu aweebwe omukisa, Katonda ali waggulu ennyo, nannyini ggulu n'ensi:
- 20 era Katonda ali waggulu ennyo atenderezebwe akugabidde abalabe bo mu mukono gwo. N'amuwa ekitundu eky'ekkumi ekya byonna.
- 21 Kabaka w'e Sodoma n'agamba Ibulaamu nti Mpa nze abantu, ebintu obyetwalire ggwe.
- 22 Ibulaamu n'agamba kabaka w'e Sodoma nti Nnyimusizza omukono gwange eri Mukama Katonda ali waggulu ennyo, nannyini ggulu n'ensi,
- 23 nga ndayira nti siritwala kaggwa newakubadde akakoba k'engatto newakubadde akantu konna k'olina, oleme okwogera nti Mmugaggawazizza Ibulaamu:
- 24 wabula ebyo abavubuka bye balidde, n'omugabo gw'abasajja abaagenda nange; Aneri, Esukoli; ne Mamule abo batwale omugabo gwabwe.

Essuula 15

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo ekigambo kya Mukama ne kijjira Ibulaamu mu kwolesebwa, nga kyogera nti Totya, Ibulaamu: nze ngabo yo, n'empeera yo ennene ennyo.
- 2 Ibulaamu n'ayogera nti Ai Mukama Katonda, onompa ki, kubanga ntambula nga sirina mwana, naye alirya ennyumba yange ye Ddamesiko Erieza?
- 3 Ibulaamu n'ayogera nti Laba, nze tompadde zadde: era, laba, eyazaalirwa mu nnyumba yange ye musika wange.
- 4 Era, laba, ekigambo kya Mukama ne kimujjira, nga kyogera nti Omuntu oyo taliba musika wo; naye aliva mu ntumbwe zo ggwe ye aliba omusika wo.
- 5 N'amufulumya ebweru, n'ayogera nti Tunuulira eggulu kaakano, obale emmunyeenye, bw'onooyinza okuzibala: n'amugamba nti Ezzadde lyo bwe liriba bwe lityo.
- 6 N'akkiriza Mukama; n'akumubalira okuba obutuukirivu.
- 7 N'amugamba nti Nze, Mukama eyakugya mu Uli eya Abakaludaaya, okukuwa ensi eno okugisikira.
- 8 N'ayogera nti Ai Mukama Katonda, kiki ekinantegeeza nga ndigisikira?
- 9 N'amugamba nti Ontwalire ente enkazi eyaakamaze emyaka esatu, n'embuzi enkazi eyaakamaze emyaka esatu, n'endiga ensajja eyaakamaze emyaka esatu, ne

kaamukuukulu, n'ejjiba etto.

- 10 Ne yeetwalira ebyo byonna, n'abyasaamu wakati, n'ateeka ebitundu bibiri bibiri nga birabagana: naye ebinyonyi n'atabyaasaamu.
- 11 N'amasega ne gagwa ku mirambo, Ibulaamu n'agagoba.
- 12 Awo enjuba bwe yali ng'egwa, otulo otungi ne tugwa ku Ibulaamu; era, laba, entiisa ey'ekizikiza ekikutte n'emugwako.
- 13 N'agamba Ibulaamu nti Tegeerera ddala ng'ezzadde lyo liriba ggenyi mu nsi eteri yaabwe, era balibaweereza; era balibabonyezabonyeza emyaka bina;
- 14 era n'eggwanga eryo, lye baliweereza, ndirisalira omusango: ne balyoka bavaamu nga balina ebintu bingi.
- 15 Naye ggwe oligenda awali bajjajja bo n'emirembe; oliziikibwa bw'olimala okuwangaala obulungi.
- 16 Ne mu mirembe egy'okuna balikomawo nate wano: kubanga obutali butuukirivu obw'Omwamoli tebunnatuukirira.
- 17 Awo, enjuba bwe yamala okugwa, ekizikiza nga kikutte, laba, ekikoomi ekinyooka n'omumuli ogwaka ne biyita wakati awali ebitundu ebyo.
- 18 Ku lunaku olwo Mukama n'alagaana ne Ibulaamu, ng'ayogera nti Ezzadde lyo ndiwadde ensi eno, okuva ku mugga ogw'e Misiri okutuuka ku mugga omunene, omugga Fulaati:
- 19 Omukeeni, n'Omukenizi, n'Omukadumooni,
- 20 n'Omukiiti, n'Omuperizi, n'Abaleefa,
- 21 n'Omwamoli, n'Omukanani, n'Omugirugaasi, n'Omuyebusi.

Essuula 16

- 1 Salaayi, mukazi wa Ibulaamu, n'atamuzaalira baana: era yalina omuzaana, Omumisiri, erinnya lye Agali.
- 2 Salaayi n'agamba Ibulaamu nti Laba nno, Mukama anziyizza okuzaalanga; nkwegayiridde, yingira eri omuzaana wange, mpozzi ndifuna abaana mu ye. Ibulaamu n'awulira eddoboosi lya Salaayi.
- 3 Salaayi, mukazi wa Ibulaamu, n'atwala Agali, Omumisiri, muzaana we, Ibulaamu bwe yali yaakamaze emyaka ekkumi okutuula mu nsi ya Kanani, n'amuwa Ibulaamu musajja we okuba mukazi we.
- 4 N'ayingira eri Agali, naye n'aba olubuto: awo bwe yalaba ng'ali lubuto, mugole we n'anyoomebwa mu maaso ge.
- 5 Salaayi n'agamba Ibulaamu nti Okwonoona kwange kube ku ggwe: nakuwa omuzaana wange mu kifuba kyo; kale bwe yalaba ng'ali lubuto, ne nnyoomebwa mu maaso ge: Mukama atusalire omusango nze naawe.
- 6 Naye Ibulaamu n'agamba Salaayi nti Laba, omuzaana wo ali mu mukono gwo; mukolere ekifaanana ekirungi mu maaso go. Salaayi, n'amujoganga, n'adduka mu maaso ge.
- 7 Ne malayika wa Mukama n'amulabira awali oluzzi olw'amazzi mu ddungu, oluzzi oluli mu kkubo ng'ogenda e Ssuuli.
- 8 N'ayogera nti Agali, muzaana wa Salaayi, ova wa? era ogenda wa? Naye n'ayogera nti Nziruka mu maaso ga mugole wange Salaayi.
- 9 Ne malayika wa Mukama n'amugamba nti Ddayo eri mugole wo, ogonde wansi w'emikono gye.
- 10 Era malayika wa Mukama n'amugamba nti Ndyongerera nnyo ezzadde lyo, n'okubala ne litabalika olw'obungi.
- 11 Era malayika wa Mukama n'amugamba nti Laba, oli lubuto, era olizaala omwana wa

bulenzi; era olimutuuma erinnya Isimaeri, kubanga Mukama awulidde okubonyabonyezebwa kwo.

- 12 Era aliba ng'entulege mu bantu; omukono gwe gunaalwananga na buli muntu, n'omukono gwa buli muntu gunaalwananga naye; era anaatuulanga awali baganda be bonna.
- 13 N'ayita erinnya lya Mukama eyayogera naye, nti Ggwe Katonda alaba: kubanga yayogera nti N'okutunula ntunuulidde oyo andaba?
- 14 Oluzzi kyerwava luyitibwa Beerirakairo: laba, luli wakati wa Kadesi ne Beredi.
- 15 Agali n'azaalira Ibulaamu omwana; Ibulaamu n'atuuma omwana we, Agali gwe yazaala, erinnya lye Isimaeri.
- 16 Ibulaamu yali yaakamaze emyaka kinaana mu mukaaga, Agali bwe yazaalira Ibulaamu Isimaeri.

Essuula 17

- 1 Awo Ibulaamu bwe yali yaakamaze emyaka kyenda mu mwenda, Mukama n'alabikira Ibulaamu, n'amugamba nti Nze Katonda Omuyinza w'ebintu byonna; tambuliranga mu maaso gange, obeerenga mutuukirivu.
- 2 Nange ndiragaana endagaano yange nze naawe, era ndikwaza nnyo.
- 3 Ibulaamu n'avuunama amaaso ge: Katonda n'ayogera naye nti
- 4 Nze, laba, endagaano yange eri naawe, naawe oliba kitaawe w'amawanga amangi.
- 5 So tokyayitibwanga nate erinnya lyo Ibulaamu, naye erinnya lyo linaabanga Ibulayimu; kubanga nkufudde kitaawe w'amawanga amangi.
- 6 Era ndikwaza nnyo, era ndikufuula amawanga, ne bakabaka baliva mu ggwe.
- 7 Era ndinyweza endagaano yange nze naawe n'ezzadde lyo eririddawo okutuusa emirembe gyabwe gyonna okuba endagaano eteridiba, okuba Katonda eri ggwe n'eri ezzadde lyo eririddawo.
- 8 Era ndikuwa ggwe n'ezzadde lyo eririddawo ensi gye watambulirangamu, ensi yonna eya Kanani, okugirya emirembe gyonna; era nze, naabeeranga Katonda waabwe.
- 9 Katonda n'agamba Ibulayimu nti Naawe, gw'olikwata endagaano yange, ggwe n'ezzadde lyo eririddawo okutuusa emirembe gyabwe gyonna.
- 10 Eno ye ndagaano yange, gye munaakwatanga, eri nze nammwe n'ezzadde lyo eririddawo; buli musajja mummwe anaakomolwanga.
- 11 Era munaakomolwanga omubiri gw'ekikuta kyammwe; era kunaabanga kabonero ak'endagaano eri nze nammwe.
- 12 Anaamalanga ennaku omunaana anaakomolwanga mu mmwe, buli musajja mu mirembe gyammwe gyonna, anaazaalirwanga mu nnyumba, era n'oyomunnaggwanga yenna gw'anaabaguzanga n'ebintu, atali wa ku zzadde lyammwe.
- 13 Anaazaalirwanga mu nnyumba yo, n'oyo anaagulibwanga n'ebintu byo, kibagwanira okumukomolanga: n'endagaano yange eneebanga mu mubiri gwammwe okuba endagaano eteridiba.
- 14 N'omusajja atali mukomole atakomolwanga mu mubiri gw'ekikuta kye, obulamu obwo bunaazikirizibwanga mu bantu be; ng'amenye endagaano yange.
- 15 Katonda n'agamba Ibulayimu nti Salaayi mukazi wo, tokyamuyita erinnya lye Salaayi, naye Saala lye linaabanga erinnya lye.
- 16 Nange ndimuwa omukisa, era nate ndikuwa omwana mu ye: weewaawo, ndimuwa omukisa, naye aliba nnyina w'amawanga; bakabaka b'abantu baliva mu ye.
- 17 Ibulayimu n'alyoka avuunama amaaso ge, n'aseka, n'ayogera mu mutima gwe nti Omwana alizaalirwa oyo eyaakamaze emyaka ekikumi? era ne Saala, eyaakamaze emyaka ekyenda, alizaala?

- 18 Ibulayimu n'agamba Katonda nti Singa Isimaeri anaabanga mulamu mu maaso go!
- 19 Katonda n'ayogera nti Nedda, naye Saala mukazi wo alikuzaalira omwana; naawe olimutuuma erinnya lye Isaaka: nange naanywezanga endagaano yange naye okuba endagaano eteridiba eri ezzadde lye eririddawo.
- 20 N'ebya Isimaeri, nkuwulidde: laba, mmuwadde omukisa, era ndimwaza, era ndimwongera nnyo; alizaala abakungu kkumi na babiri, era ndimufuula eggwanga eddene.
- 21 Naye endagaano yange naaginywezanga eri Isaaka, Saala gw'alikuzaalira mu biro ebyo ebyateekebwawo mu mwaka ogugenda okujja.
- 22 N'aleka okwogera naye, Katonda n'alinnya n'ava eri Ibulayimu.
- 23 Ibulayimu n'atwala Isimaeri omwana we, ne bonna abaazaalirwa mu nnyumba ye, ne bonna abaagulibwa n'ebintu bye, buli musajja mu bantu ab'omu nnyumba ya Ibulayimu, n'abakomolera ku lunaku olwo omubiri gw'ekikuta kyabwe, nga Katonda bwe yamugamba.
- 24 Ibulayimu yali yaakamaze emyaka kyenda mu mwenda, bwe yakomolwa omubiri gw'ekikuta kye.
- 25 Ne Isimaeri omwana we yali yaakamaze emyaka kkumi n'esatu, bwe yakomolwa omubiri gw'ekikuta kye.
- 26 Ku lunaku lumu Ibulayimu n'akomolebwa ne Isimaeri omwana we.
- 27 N'abasajja bonna ab'omu nnyumba ye, abo abaazaalirwa mu nnyumba, n'abo munnaggwanga yenna be yamuguza n'ebintu, ne bakomolwa wamu naye.

Essuula 18

- 1 Mukama n'amulabikira awali emivule gya Mamule, bwe yali ng'atudde mu mulyango mu ttuntu;
- 2 n'ayimusa amaaso ge n'atunula, era, laba, abasajja basatu nga bayimiridde mu maaso ge: awo bwe yabalaba, n'ava mu mulyango gw'eweema n'adduka mbiro okubasisinkana, n'avuunama,
- 3 n'ayogera nti Mukama wange, oba nga kaakano ndabye ekisa mu maaso go, tova wali muddu wo, nkwegayiridde:
- 4 kale nno baleete otuzzi, munaabe ebigere, muwummulire wansi w'omuti:
- 5 nange naaleeta akamere, musanyuke emitima gyammwe; ne mulyoka mugenda: kubanga mutuuse eri omuddu wammwe. Ne boogera nti Kola bw'otyoo, nga bw'oyogedde.
- 6 Ibulayimu n'ayanguwa n'ayingira mu weema eri Saala n'ayogera nti Teekateeka mangu ebigero bisatu eby'obutta, obugoye, ofumbe emmere.
- 7 Ibulayimu n'adduka mbiro eri ekisibo, n'akima ennyana eonvu ennungi, n'agiwa omuddu; n'ayanguwa okugifumba.
- 8 N'addira omuzigo, n'amata, n'ennyana gy'afumbye, n'abiteeka mu maaso gaabwe; n'ayimirira ku mabbali gaabwe wansi w'omuti, ne balya.
- 9 Ne bamugamba nti Ali ludda wa Saala mukazi wo? N'ayogera nti Laba, ali mu weema.
- 10 N'ayogera nti Sirirema kukomawo w'oli ekiseera bwe kiridda; era, laba, Saala mukazi wo alizaala omwana ow'obulenzi. Saala n'awulira mu mulyango gw'eweema, eyali ennyuma we.
- 11 Ibulayimu ne Saala baali bakaddiye, era nga bayitiridde obukadde; so nga Saala takyabeera ng'empisa ey'abakazi bw'eri.
- 12 Saala n'aseka munda ye, ng'ayogera nti Nga mmaze okukaddiwa ndisanyuka, era ne mukama wange ng'akaddiye?
- 13 Mukama n'agamba Ibulayimu nti Kiki ekimusesezza Saala, ng'ayogera nti Mazima

ndizaala omwana nga nkaddiye?

- 14 Waliwo ekirema Mukama? Mubiro ebyateekewawo ndikomawo w'oli, ekiseera bwe kiridda, ne Saala alizaala omwana ow'obulenzi.
- 15 Saala n'alyoka yeegaana, ng'ayogera nti Sisese: kubanga yatya: N'ayogera nti Nedda; naye okuseka osese.
- 16 Abasajja ne bagolokoka okuva eyo, ne batunuulira e Sodoma: Ibulayimu n'agenda nabo okubawerekerako.
- 17 Mukama n'ayogera nti Ibulayimu naamukisa kye nkola
- 18 kubanga Ibulayimu talirema kufuuka ggwanga ddene ery'amaanyi, era amawanga gonna ag'omu nsi galiweerwa omukisa mu ye.
- 19 Kubanga kyennava mmumanya, alyoke abalagire abaana be n'ennyumba ye eriddawo, okukwatanga ekkubo lya Mukama, okukolanga eby'obutuukirivu n'eby'ensonga; Mukama alyoke aleete ku Ibulayimu bye yamwogerako.
- 20 Mukama n'ayogera nti Kubanga okukaaba okw'e Sodoma ne Ggomola kunene, era kubanga okwonoona kwabwe kwa kitalo:
- 21 nnakka kaakano ndabe nga bakolera ddala ng'okukaaba kwayo bwe kuli, okwatuuka eri nze; era obanga tekyali bwe kityo, naamanya.
- 22 Abasajja ne bava eyo, ne bagenda e Sodoma: naye Ibulayimu ng'akyayimiridde mu maaso ga Mukama.
- 23 Ibulayimu n'asembera, n'ayogera nti Olizikiriza abatuukitivu awamu n'ababi?
- 24 Mpozzi mu kibuga mulimu abatuukirivu ataano: olizikiriza ekifo n'otokisonyiwa ku bwa batuukirivu ataano abakirimu?
- 25 Kitalo okole bw'otyo, okutta abatuukirivu awamu n'ababi, n'okwenkana abatuukirivu ne benkana n'ababi; kitalo ekyo: Omulamuzi w'ensi zonna talikola bya butuukirivu?
- 26 Mukama n'ayogera nti Bwe nnaalaba mu Sodoma abatuukirivu ataano munda mu kibuga, ne ndyoka nsonyiwa ekifo kyonna ku bwabwe.
- 27 Ibulayimu n'addamu n'ayogera nti Laba nno, ngezezza nze okwogera ne Mukama newakubadde nga ndi nfuufu bu fuufu n'evvu:
- 28 mpozzi ku batuukirivu ataano kunaabulako abataano: olizikiriza ekibuga kyonna kubanga abataano babulako? N'ayogera nti Sirikizikiriza bwe nnaalabayo ana mu abataano.
- 29 N'ayogera naye nate era nti Mpozzi munaalabikamu ana. N'ayogera nti Sirikola bwe ntyo ku bw'ana.
- 30 N'ayogera nti Nkwegayiridde, Mukama tasunguwala, nange kanjogere: mpozzi munaalabikamu asatu. N'ayogera nti Sirikola bwe ntyo, bwe nnaalabayo asatu.
- 31 N'ayogera nti Laba nno, ngezezza nze okwogera ne Mukama: mpozzi munaalabikamu abiri. N'ayogera nti Sirikizikiriza, ku bw'abiri abo.
- 32 N'ayogera nti Nkwegayiridde, Mukama tasunguwala, nange ka njogere nate omulundi guno ogumu gwokka : mpozzi munaalabikamu ekkumi. N'ayogera nti Sirikizikiriza ku bw'ekkumi abo.
- 33 Mukama ne yeegendera, bwe yamala okwogera ne Ibulayimu: Ibulayimu n'addayo mu kifo kye.

Essuula 19

- 1 Ne Bamalayika babiri ne batuuka e Sodomu akawungeezi; ne Lutti yali atudde mu mulyango ogw'e Sodoma: Lutti n'abalaba, n'agolokoka okubasisinkana; n'avuunama amaaso ge
- 2 n'ayogera nti Laba nno, bakama bange, mwekooloobye, mbegayiridde, mu nnyumba ey'omuddu wammwe, musule okukeesa obudde, munaabe ebigere, mukeere enkya

okugolokoka, mwegendere. Ne boogera nti Nedda; naye tunaasula mu luguudo okukeesa obudde.

- 3 N'abawaliriza nnyo; ne beekooloobya ewuwe, ne bayingira mu nyumba ye; n'abafumbira embaga, n'ayokya omugaati ogutazimbulukuswa, ne, balya.
- 4 Naye nga tebanneebaka, abasajja ab'omu kibuga, ab'e Sodoma, ne bazingiza ennyumba, abato era n'abakulu, abantu bonna nga bavudde mu bifo byonna:
- 5 ne bayita Lutti, ne bamugamba nti Abasajja bali ludda wa abayingidde ewuwo ekiro kino? obafulumye gye tuli, tubamanye.
- 6 Lutti n'afuluma gye bali mu mulyango, n'aggalawo oluggi ennyuma we.
- 7 N'ayogera nti Mbeegayiridde, baganda bange, temukola bubi obwenkanidde wano.
- 8 Laba nno, nnina abaana abawala babiri, abatamanyanga musajja; ka mbafulumye labo gye muli, mbeegayiridde, nammwe mubakole nga bwe kiri ekirungi mu maaso gammwe: naye abasajja abo temubakola kigambo; kubanga batuuse wansi w'ekisiikirize eky'akasolya kange.
- 9 Ne boogera nti Vaawo. Ne boogera nti Olusajja luno lwayingira okuba omugenyi, naye kirugwanira okuba omulamuzi: kaakano tunakukola ggwe bubi okusinga abo. Ne bamunyigiriza nnyo omusajja, ye Lutti, ne basembera okumenya oluggi.
- 10 Naye abasajja ne bagolola emikono, ne bayingiza Lutti mu nnyumba mwe baali, ne baggalawo oluggi.
- 11 Ne bazibya amaaso g'abasajja abaali ku luggi, abato era n'abakulu: n'okwekooya ne beekooya nga banoonya oluggi.
- 12 Abasajja ne bagamba Lutti nti Olina nate wano abalala? mukoddomi wo, n'abaana bo, ab'obulenzi n'ab'obuwala, ne bonna b'olina mu kibuga; bafulumye mu kifo muno:
- 13 kubanga tunaazikiriza ekifo kino, kubanga okukaaba kwabwe kweyongedde nnyo mu maaso ga Mukama; era Mukama yatutumye okukizikiriza.
- 14 Lutti n'afuluma n'ayogera ne bakoddomi be, abaawasa abawala be, n'agamba nti Mugolokoke, muve mu kifo kino; kubanga Mukama anaazikiriza ekibuga. Naye yalianga asaaga eri bakoddomi be.
- 15 Awo bwe bwakya enkya, bamalayika ne bamwanguyiriza Lutti, nga boogera nti Golokoka, otwale mukazi wo, n'abaana bo abawala bombi abali wano: oleme okuzikirizibwa mu butali butuukirivu obw'ekibuga.
- 16 Naye n'alwa; abasajja ne bamukwata ku mukono gwe, ne ku mukono gwa mukazi we, ne ku mukono gw'abaana be abawala bombi; Mukama ng'atusaasira: ne bamugyamu, ne bamuleeta ebweru w'ekibuga.
- 17 Awo bwe baamala okubaggiramu ddala, n'ayogera nti Dduka oleme okufa; totunula nnyuma wo, so tolwa mu lusenyi lwonna; ddukira ku lusozi, oleme okuzikirizibwa.
- 18 Lutti n'abagamba nti Nedda, mukama wange, nkwegayiridde:
- 19 laba nno, omuddu wo alabye ekisa mu maaso go, era ogulumizizza okusaasira kwo, kw'ondaze ng'omponya nneme okufa; ne siyinza kuddukira ku lusozi luno, akabi kaleme okuntuukako ne nfa:
- 20 laba nno, ekibuga ekyo kwe kumpi okukiddukiramu, era kye kibuga ekitono: nkwegayiridde, nzirukire omwo, (si kitono?), n'obulamu bwange buliwona.
- 21 N'amugamba nti Era nkukkirizza ne mu kigambo ekyo, obutasuula kibuga ky'oyogeddeko.
- 22 Yanguwako, oddukire omwo; kubanga siyinza kukola kigambo, nga tonnatuuka omwo. Erinnya ly'ekibuga kyeryava liyitibwa Zowaali.
- 23 Enjuba yali ng'emaze okuvaayo ku nsi Lutti bwe yatuuka mu Zowaali.
- 24 Mukama n'alyoka atonnyesa ku Sodoma ne ku Ggomola omuliro n'ekibiriiti nga biva mu ggulu;
- 25 n'asuula ebibuga ebyo, n'olusenyi lwonna, n'abo bonna abaatuulanga mu bibuga,

n'ebyo ebyamera ku ttaka.

- 26 Naye mukazi we n'atunula ennyuma we ng'amuvaako ennyuma, n'afuuka empagi ey'omunnya.
- 27 Ibulayimu n'agolokoka enkya mu makya n'agenda mu kifo mwe yayimirira mu maaso ga, Mukama:
- 28 n'atunuulira e Sodoma n'e Ggomola, n'eri ensi yonna ey'olusenyi, n'alengera, era, laba, omukka ogw'ensi ne gunyooka ng'omukka ogw'ekikoomi.
- 29 Awo, Katonda bwe yazikiriza ebibuga eby'omu lusenyi, Katonda n'ajjukira Ibulayimu n'asindika Lutti ave wakati mu bibuga ebyasuulibwa, bwe yasuula ebibuga Lutti mwe yali atuula.
- 30 Lutti n'alinnya n'ava mu Zowaali, n'atuula ku lusozi, n'abaana be abawala bombi naye; kubanga n'atya okutuula mu Zowaali: n'atuula mu mpuku, n'abaana be abawala bombi.
- 31 N'omubereberye n'agamba omuto nti Kitaffe akaddiye, so tewali musajja mu nsi aliyingira gye tuli ng'empisa y'ensi zonna bw'eri:
- 32 kale, tunywe kitaffe omwenge, naffe tunaasula naye, tukuume ezzadde lya kitaffe.
- 33 Ne banywesa kitaabwe omwenge ekiro ekyo; n'omubereberye n'ayingira, n'asula ne kitaawe; n'atamanya bwe yagalamira, newakubadde bwe yagolokoka.
- 34 Awo ku lunaku olwaddako, omubereberye n'agamba omuto nti Laba, ekiro nasuze ne kitange: era tumunywe omwenge n'ekiro kino; naawe n'oyingira, n'osula naye, tukuume ezzadde lya kitaffe.
- 35 Era ne banywesa kitaabwe omwenge n'ekiro ekyo: omuto n'agolokoka, n'asula naye; n'atamanya bwe yagalamira, newakubadde bwe yagolokoka.
- 36 Bwe batyo abaana ba Lutti bombi abawala ne baba embuto za kitaabwe.
- 37 Omubereberye n'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya Moabu: oyo ye jjajja w'Abamoabu ne kaakano.
- 38 Era n'omuto naye n'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya Benami: oyo ye jjajja w'abaana ba Amoni ne kaakano.

Essuula 20

- 1 Ibulayimu n'ava eyo n'atambula okugenda mu nsi ey'obukiika obwa ddyo, n'atuula wakati wa Kadesi ne Ssuuli; n'abeera mu Gerali.
- 2 Ibulayimu n'ayogera ku Saala mukazi we nti Ye mwanayinaze: ne Abimereki kabaka w'e Gerali n'atuma, n'atwala Saala.
- 3 Naye Katonda n'ajjira Abimereki mu kirooto eky'eki, n'amugamba nti Laba, ggwe oli mufu bufu, olw'omukazi gwe watwala; kubanga alina bba.
- 4 Era Abimereki yali nga tannamusemberera: n'ayogera nti Mukama, olitta eggwanga newakubadde nga ttuukirivu?
- 5 Teyaamba ye yennyini nti Ye mwannyinaze? naye omukazi, omukazi yennyini n'ayogera nti Ye mwannyinaze: nga nnina omutima omutuukirivu n'engalo ezitaliiko kabi bwe nnakola ekyo.
- 6 Katonda n'amugamba mu kirooto nti Weewaawo, mmanyi nga wakola ekyo ng'olina omutima omutuukirivu, era nange ne nkuziyiza okunnyonoona: kyennava nnema okukuganya okumukwatako.
- 7 Kale nno zaaayo mukazi w'omusajja; kubanga ye nnabbi, naye alikusabira, naawe oliba mulamu: era bw'otoomuzzeeyo, tegeera nga tolirema kufa, ggwe, n'ababo bonna.
- 8 Abimereki n'agolokoka enkya mu makya, n'ayita abaddu be bonna, n'abuulira ebyo byonna mu matu gaabwe: abasajja tre batya nayo.

- 9 Abimereki n'alyoka ayita Ibulayimu, n'amugamba nti Onkoze ki? nange nnakwonoona ntya, ggwe okundeetera nze n'obwakabaka bwange okwonoona okunene? Onkoze ebikolwa ebitagwana kukola.
- 10 Abimereki n'agamba Ibulayimu nti Walaba kiki, ekyakukoza ekyo?
- 11 Ibulayimu n'ayogera nti Kubanga nalowooza nti Mazima okutya Katonda tekuli mu kifo kino; nange balinzita olwa mukazi wange.
- 12 Era naye mazima ye mwanayinaze, mwana wa kitange, naye si mwana wa mmange; n'afuuka mukazi wange:
- 13 kale, Katonda bwe yantambuzatambuza okuva mu nnyumba ya kitange, ne ndyoka mmugamba nti Kino kye kisa kyo ky'ononjolesanga; mu buli kifo mwe tunaatuukanga, oyogeranga ku nze nti Ye mwannyinaze.
- 14 Ne Abimereki n'atwala endiga n'ente, n'abaddu n'abazaana, n'abiwa Ibulayimu, n'amuddiza Saala mukazi we.
- 15 Abimereki n'ayogera nti Ensi yange eri mu maaso go: tuula gy'onooyagala.
- 16 N'agamba Saala nti Laba, mpadde mwannyoko ebitundu lukumi ebya ffeeza: laba, ky'eky'okubikka ku maaso gy'oli eri abo bonna abali naawe; ne mu bigambo byonna ogattiddwa.
- 17 Ibulayimu n'asaba Katonda: Katonda n'awonya Abimereki, ne mukazi we, n'a bazaana be; ne bazaala abaana.
- 18 Kubanga Mukama yali asibidde ddala embuto zonna ez'omu nnyumba ya Abimereki, alwa Saala mukazi wa Ibulayimu.

Essuula 21

- 1 Mukama n'ajjira Saala nga bwe yayogera, era Mukama n'akola Saala nga bwe yagamba.
- 2 Saala n'aba olubuto, n'azaalira Ibulayimu omwana ow'obulenzi ng'akaddiye, mu biro ebyo ebyateekebwawo Katonda bye yamugambako.
- 3 Ibulayimu n'atuuma omwana we eyamuzaalirwa, Saala gwe yamuzaalira, erinnya lye Isaaka.
- 4 Ibulayimu n'akomola omwana we Isaaka nga yaakamaze ennaku munaana, nga Katonda bwe yamulagira.
- 5 Era Ibulayimu yali yaakamaze emyaka kikumi, omwana we Isaaka bwe yamuzaalirwa.
- 6 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo abbanga wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi n'amazzi.
- 7 N'ayogera nti Aluwa oyo eyandigambye Ibulayimu nga Saala aliyonsa abaana be? kubanga mmuzaalidde omwana ow'obulenzi ng'akaddiye.
- 8 Omwana n'akula, n'ava ku mabeere: Ibulayimu n'afumba embaga ennene ku lunaku Isaaka lwe yaviirako ku mabeere.
- 9 Saala n'alaba omwana wa Agali Omumisiri, gwe yazaalira Ibulayimu, ng'aduula.
- 10 Kyeyava agamba Ibulayimu nti Goba omuzaana ono n'omwana we: kubanga omwana w'omuzaana ono tajja kubeera musika wamu n'omwana wange, ye Isaaka.
- 11 N'ekigambo ekyo ne kiba kizibu nnyo mu maaso ga Ibulayimu olw'omwana we.
- 12 Katonda n'agamba Ibulayimu nti Kireme okuba ekizibu mu maaso go olw'omulenzi, n'olw'omuzaana wo; mu byonna Saala by'anaakubuuliranga, owuliranga eddoozi lye; kubanga mu Isaaka ezzadde lyo mwe linaayitirwanga.
- 13 Era ne mu mwana w'omuzaana ndimuviisaamu eggwanga, kubanga ye lye zzadde lyo.
- 14 Ibulayimu n'agolokoka eakya mu makya, n'addirira emmere n'ensawo ey'eddiba

- ey'amazzi, n'abiwa Agali, ng'abissa ku kibegabega kye, n'omwana, n'amusindika: n'agenda, n'atambuliratambulira mu ddungu ery'e Beeruseba;
- 15 N'amazzi ag'omu ddiba ne gaggwaamu, n'asazika omwana wansi w'ekisaka ekimu.
 - 16 N'agenda, n'atuula wansi ng'amutunuulira walako, ug'ebbanga akasaale we kagwa: kubanga yayogera nti Nneme okulaba omwana ng'afa. N'atuula ng'amutunuulira, n'ayimusa eddoboosi lye, n'akaaba. era n'emmunyeenye.
 - 17 Katonda n'awulira eddoboosi ly'omulenzi; ne malayika wa Katonda n'ayita Agali ng'ayima mu ggulu, n'amugamba nti Obadde otya, Agali? totya; kubanga Katonda awulidde eddoboosi ly'omulenzi w'ali.
 - 18 Golokoka, oyimuse omulenzi, omukwate mu ngalo zo; kubanga ndimufuula eggwanga eddene.
 - 19 Katonda n'azibula amaaso ge, n'alaba oluzzi lw'amazzi n'agenda, n'ajjuza eddiba amazzi, n'anywesa omulenzi.
 - 20 Katonda n'aba wamu n'omulenzi, n'akula; n'atuulanga mu ddungu, n'afuuka omulasi w'obusaale.
 - 21 N'atuulanga mu ddungu ery'e Palani: ne nnyina n'amuwasiza omukazi mu nsi y'e Misiri.
 - 22 Awo mu biro ebyo Abimereki ne Fikoli omukulu w'eggye ne bagamba Ibulayimu nti Katonda ali wamu naawe mu byonna by'okola:
 - 23 kale nno, ndayirira wano Katonda nga tonkuusekuusenga nze; newakubadde omwana wange, newakubadde omwana w'omwana wange: naye ng'ekisa bwe kiri kye nkukoze, naawe ononkolanga bw'otyo nze, n'ensi gye watuulamu.
 - 24 Ibulayimu n'ayogera nti Nnaalayira.
 - 25 Ibulayimu n'anyanya Abimereki olw'oluzzi lw'amazzi abaddu ba Abimereki lwe baamuggyako olw'amaanyi.
 - 26 Abimereki n'ayogera nti Simumanyi bw'ali eyakola bw'atyo; so tombuulirangako, so siwulirangako era, wabula leero.
 - 27 Ibulayimu n'addirira endiga n'ente, n'abiwa Abimereki, ne balagaana endagaano bombi.
 - 28 Ibulayimu n'ateeka endiga enduusi musanvu ez'omu kisibo wamu zokka.
 - 29 Abimereki n'agamba Ibulayimu nti Endiga ezo enduusi omusanw z'otadde awamu zokka amakulu gaazo ki?
 - 30 N'ayogera nti Endiga ezo eaduusi omusanvu onooziweebwa mu mukono gwange, ekyo kibeere omujulirwa gye ndi, nga nze nnasima oluzzi olwo.
 - 31 Kyeyava ayita ekifo ekyo Beeruseba; kubanga eyo gye baalayirira bombi.
 - 32 Bwe batyo ne balagaanira endagaano mu Beeruseba: Abimereki n'agolokoka ne Fikoli omukulu w'eggye lye, ne baddayo mu nsi eya Abafirisuuti.
 - 33 (Ibulayimu) n'asimba omumyulira mu Beeruseba, n'akoowoolera eyo erinaya lya Mukama, Katonda ataggwaawo.
 - 34 Ibulayimu n'amala ennaku nnyiagi mu nsi eya Abafisuuti.

Essuula 22

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, Katonda n'akema Ibulayimu, n'amugainba nti Ibulayimu; n'ayogera nti Nze nzuuno.
- 2 N'ayogera nti Twala kaakano omwana wo, omwana wo omu, gw'oyagala, ye Isaaka, ogende mu nsi Moliya; omuweere eyo okuba ekiweebwayo ekyokebwa ku lumu ku nsozi lwe ndikugambako.
- 3 Ibulayimu n'agolokoka enkya mu makya, n'assa amatandiiko ku ndogoyi ye, n'atwala babiri ku bavubuka be, ne Isaaka omwana we; n'ayasa enku ez'ekiweebwayo

- ekyokebwa, n'agolokoka, n'agenda mu kifo Katonda kye yamugambako.
- 4 Ku lunaku olw'okusatu Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'alengera ekifo.
 - 5 Ibulayimu n'agamba abawbuka be nti Mubeere mmwe wano n'endogoyi; nange n'omulenzi tunaagenda wali; ne tusinza, ne tudda gye muli.
 - 6 Ibulayimu n'atwala enku ez'ekiweebwayo ekyokebwa, n'azitikka Isaaka omwana we; n'atwala omuliro n'akambe mu ngalo ze; ne bagenda bombi wamu.
 - 7 Isaaka n'agamba Ibulayimu kitaawe nti Kitange: n'ayogera nti Nze nzuuno; mwana wange. N'ayogera nti Laba, omuliro n'enku (biibino): naye guluwa omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa?
 - 8 Ibulayimu n'ayogera nti Katonda aneefunira omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa, mwana wange: kale ne bagenda bombi.
 - 9 Ne batuuka mu kifo Katonda we yamugamba; Ibulayimu n'azimbira eyo ekyoto, n'atindikira enku, n'asiba Isaaka omwana we, n'amugalamiza ku Kyoto, ku nku.
 - 10 Ibulayimu n'agolola omukono gwe, n'addirira akambe okutta omwana we.
 - 11 Ne malayika wa Mukama n'amukoowoola ng'ayima mu ggulu, n'ayogera nti Ibulayimu, Ibulayimu: n'ayogera nti Nze nzuuno.
 - 12 N'ayogera nti Tossa mukono gwo ku mulenzi, so tomukolako kantu: kubanga kaakano ntegedde ng'otya Katonda, kubanga tonnyimye mwana wo, omwana wo omu.
 - 13 Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'atunula, era, laba, ennyuma we endiga ensajja, ng'ekwatiddwa mu kisaka n'amayembe gaayo: Ibulayimu n'agenda n'atwala endiga, n'agiwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa mu kifo ky'omwana we.
 - 14 Ibulayimu n'atuuma ekifo kiri erinnya lyakyo Yakuwayire: nga bwe kyogerwa ne leero nti ku lusozi lwa Mukama kirirabwa.
 - 15 Ne malayika wa Mukama n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri ng'ayima mu ggulu,
 - 16 n'ayogera nti Nneerayidde nzekka, bw'ayogera Mukama, kubanga okoze bw'otyo, n'otonnyima mwana wo, omwana wo omu:
 - 17 okukuwa omukisa naakuwanga omukisa, n'okwongera naakwongerangako ezzadde lyo ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja; era ezzadde lyo balirya omulyango ogw'abalabe baabwe;
 - 18 era mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa; kubanga owulidde eddoozi lyange.
 - 19 Awo Ibulayimu n'addayo eri abavubuka be, ne bagolokoka ne bagenda bonna wamu e Beeruseba; Ibulayimu n'atuulanga mu Beeruseba.
 - 20 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo ne babuulira Ibulayimu nga boogera nti Laba, era Mirika naye yazaalira abaana muganda wo Nakoli;
 - 21 Uzi, omubereberye we, ne Buzi, muganda we, ne Kemweri, kitaawe wa Alamu;
 - 22 ne Kesedi, ne Kaazo, ne Pirudaasi, ne Yidulaafu, ne Bessweri.
 - 23 Bessweri n'azaala Lebbeeka: abo omunaana Mirika yabazaalira Nakoli, muganda wa Ibulayimu.
 - 24 N'omuzaana we, erinnya lye Lewuma, era naye n'azaala Teba, ne Gakamu, ne Takasi, ne Maaka.

Essuula 23

- 1 Saala n'awangaala emyaka kikumi mu abiri mu musanvu: egyo gye myaka Saala gye yawangaala.
- 2 Saala n'afira mu Kiriasualaba (ye Kebbulooni), mu nsi ya Kanani: Ibulayimu n'ajja okukungubagira Saala, n'okumukaabira, amaziga.
- 3 Ibulayimu n'agolokokai n'ava eri omulambo gwe, n'agamba abaana ba Keesi nti

- 4 Nze ndi mugenyi era mutambuze gye muli: mumpe ekifo eky'okuziikangamu okuba obutaka mu nsi yammwe, nziike omulambo gwange obutagulabangako.
- 5 N'abaana ba Keesi ne baddamu Ibulayimu, nga bamu gamba nti
- 6 Otuwulire, mukama wange: ggwe oli mukungu mukulu mu ffe: ziika omulambo gwo mu ntaana yaffe gy'oneeroboza mu zonna; tewali mu ffe agenda okukumma entaana ye, obutaaiika omulambo gwo.
- 7 Ibulayimu n'agolokoka, n'awunamira abantu ab'omu nsi, be baana ba Keesi.
- 8 N'ayogera nabo, ng'agamba nti Bwe mwagala nze okuziika omulambo gwange obutagulabangako, mumpulire, munneegayiririre Efulooni omwana wa Zokali,
- 9 ampe empuku eya Mnkupera, gy'alina, ekomerera mu lusuku lwe; aginguze omuwendo gwayo omulamba wakati mu mmwe okuba obutaka okuba entaana.
- 10 Efulooni yali atudde wakati mu baana ba Keesi; Efulooni Omukiiti n'addamu Ibulayimu abaana ba Keesi nga bamuwulira, be bonna abaayingira mu mulyango gw'ekibuga, ng'ayogera nti
- 11 Nedda, mukama wange, ompulire: olusuku ndukuwadde, n'empuku erulimu ngikuwadde; mu maaso g'abaana b'abantu bange ngikuwadde: ziika omulambo gwo.
- 12 Ibulayimu n'avuunama mu maaso g'abantu ab'omu nsi.
- 13 N'agamba Efulooni abantu ab'oImu nsi nga bamuwulira, ng'ayogera Inti Naye bw'onooyagala, nkwegayiIririra, ompulire: nnaasasula omuwendo gw'olusuku; gukkirize nkuwe, nange naaziika omwo omulambo gwange.
- 14 Efulooni n'addamu Ibulayimu, ng'amugamba nti
- 15 Mukama wange, ompulire: akasuku omuwendo gwako essekeri eza ffeeza ebina kintu ki eri nze naawe? kale ziika omulambo gwo.
- 16 Ibulayimu n'awulira Efulooni; Ibulayimu n'agerera Efulooni effeeza gye yali agambye abaana ba Keesi nga bamuwulira, essekeri eza ffeeza bina, nga effeeza eya bulijjo ey'omuguzi bwe yali.
- 17 Awo olusuku lwa Efulooni, olwali mu Makupeera, etunuulira Mamule, olusuku n'empuku eyalimu, n'emiti gyonna egyali mu lusuku, egyali mu nsalo yaalwo yonna okwetooloola,
- 18 byanywezebwa eri Ibulayimu okuba obutaka bwe mu maaso g'abaana ba Keesi, mu maaso ga bonna abaayingira mu mulyango gw'ekibuga kye.
- 19 Oluvannyuma lw'ebyo Ibulayimu n'aziika Saala mukazi we mu mpuku ey'omu lusuku olwa Makupeera etunuulira Mamule (ye Kebbulooni), mu nsi y'e Kanani.
- 20 N'olusuku n'empuku erulimu ne binywezebwa abaana ba Keesi eri Ibulayimu okuba obutaka bwe okuba ekifo eky'okuziikangamu.

Essuula 24

- 1 Ibulayimu yali akaddiye, ng'ayitiridde obukadde: era Mukama yawanga Ibulayimu omukisa mu bigambo byonna.
- 2 Ibulayimu n'agamba omuddu we, omukulu w'ennyumba ye, eyafuganga byonna bye yalina, nti Nkwegayiridde, ssa omukono gwo wansi w'ekisambi kyange;
- 3 nange naakulayiza Mukama, Katonda w'eggulu era Katonda w'ensi, nga toliwasiza mwana wange mukazi aliva mu bawala aba Bakanani, be ntuulamu:
- 4 naye oligenda mu nsi yange, era eri baganda bange, omuwasize omwana wange Isaaka omukazi.
- 5 Omuddu n'amugamba nti Mpozzi omukazi talikkiriza kujja nange okutuuka mu nsi eno: kirignwanira okuzza omwana wo mu asi gye wavaamu?
- 6 Ibulayimu n'amugamba nti Tozzangayo mwana wange n'akatono.
- 7 Mukama, Katonda w'eggulu, eyanziya mu nnyumba ya kitange, ne mu nsi mwe

nnazaalirwa, era eyayogera nange, nandayirira, ng'agamba nti Ezzadde lyo ndiriwa ensi eno; oyo alituma malayika we okukukulembera, naawe oliwasiza omwana wange omukazi aliva eyo.

- 8 N'omukazi bw'aliba nga takkirizza kujja naawe, kale nga toliiko musango olw'ekirayiro kyange kino; kino kyokka, obutamuzzaayo mwana wange.
- 9 Omuddu n'assa omukono gwe wansi w'ekisambi kya Ibulayimu mukama we, n'amulayirira mu kigambo ekyo.
- 10 Omuddu n'atwala eamira kkumi, ez'omu amira za mukama we, ne yeegendera; ng'alina ebintu byonna ebirungi ebya mukama we mu ngalo ze: n'agolokoka, n'agenda mu Mesopotamiya, mu kibuga kya Nakoli.
- 11 N'afukamiza eamira ebweru w'ekibuga awali oluzzi lw'amazzi obudde nga buwungeera, obudde nga butuuse abakazi we baafulumi ranga okusena amazzi.
- 12 N'ayogera nti Ai Mukama, Katonda wa mukama wange Ibulayimu, ompe, nkwegayiridde, omukisa leero, olage ekisa mukama wange Ibulayimu.
- 13 Laba, nnyimiridde ku nsulo z'amazzi; n'abaana abawala b'ab'omu kibuga bafuluma okusena amazzi:
- 14 kale kibeere bwe kiti; omuwala gwe nnaagamba nti Sena ensuwa yo, nkwegayiridde, nnywe; naye anaagamba nti Nnywa, nange nnaanywesa n'enhamira zo: oyo abeere oyo gwe walagirira omuddu wo Isaaka; era bwe ntyo bwe nnaategeera ng'olaze ekisa mukama wange.
- 15 Kale olwatuuka, bwe yali ng'akyayogera, laba, Lebbeeka n'afuluma, eyazaalirwa Bessweri omwana wa Mirika; mukazi wa Nakoli, muganda wa Ibulayimu, ng'alina ensuwa ye ku kibegabega kye.
- 16 N'omuwala yali mulungi nnyo okulaba, omuwala omuto, so nga tewali musajja eyamumanya: n'aserengeta ku nsulo, n'ajjuza ensuwa ye, n'ayambuka.
- 17 Omuddu n'addukana mbiro okumusisinkana, n'ayogera nti Onnywese, nkwegayiridde, otuzzi mu nsuwa yo.
- 18 N'ayogera nti Nywa, mukama wange: n'ayanguwa n'assa ensuwa ye ku mukono gwe, n'amunywesa.
- 19 Awo bwe yamala okumunywesa, n'ayogera nti Nnaasenera n'eamira zo zinywe zikkute.
- 20 N'ayanguwa n'afuka ensuwa ye mu kyesero, n'addukana nate ku luzzi okusena, n'asenera eamira ze zonna.
- 21 Omusajja n'amwekaliriza amaaso, ng'asirise, okutegeera nga Mukama awadde olugendo Iwe omukisa oba nga tawadde.
- 22 Awo olwatuuka, eamira bwe zaamala okunywa, omusajja n'addirira empeta eya zaabu obuzito bwayo kitundu kya sekeri, n'emisagga egy'okubanga ku mikono gye obuzito bwagyo sekeri kkumi eza zaabu;
- 23 n'ayogera nti Ggwe oli mwana w'ani? mbuulira, nkwegayiridde. Mu nnyumba ya kitaawo mulimu ebbanga ffe okusula omwo?
- 24 N'amugamba nti Nze ndi mwana wa Bessweri omwana wa Mirika, gwe yazaalira Nakoli.
- 25 Era nate n'amugamba nti Tulina essubi era n'ebyokulya ebinaazimala, era n'ebbanga ery'okusulamu
- 26 Omusajja n'akutama, n'asinza Mukama.
- 27 N'ayogera nti Mukama yeebazibwe, Katonda wa mukama wange Ibulayimu, ataleka kusaasira kwe n'amazima ge eri mukama wange: nze, Mukama annuamizza mu kkubo eri ennyumba ya baganda ba mukama wange.
- 28 Omuwala n'addukana, n'abuulira ab'omu nnyumba ya nnyina ng'ebigambo ebyo bwe biri.

- 29 Era Lebbeeka yalina mwannyina, erinnya lye Labbaani: Labbaani, n'afuluma n'adduka okusisinkana omusajja awali oluzzi.
- 30 Awo olwatuuka, bwe yalaba empeta, n'emisagga egyali ku mikono gya mwannyina, era bwe yawulira ebighambo bya Lebbeeka mwaanyina, ng'ayogera nti Bw'atyo omusajja bw'aambye; n'ajja eri omusajja; era, laba, yali ng'ayimiridde mu mbiriizi z'eamira awali ensulo.
- 31 N'ayogera nti Yingira ggwe Mukama gw'awadde omukisa; kiki ekikuyimirizza ebweru? kubanga nteeseteese ennyumba, n'ekifo eky'eamira.
- 32 Omusajja n'ayingira mu nnyumba, n'asumulula eamira; n'awa essubi n'ebyokulya eby'ennamira, n'amazzi okunaaza ebigere bye n'ebigere by'abasajja abaali naye.
- 33 Ne bateeka emmere mu maaso ge alye: naye n'ayogera nti Siirye nga sinnayogera bye nnatumibwa. N'ayogera nti Yogera.
- 34 N'ayogera nti Nze ndi muddu wa Ibulayimu
- 35 Era Mukama yawanga mukama wange omukisa mungi; era afuuse omukulu: era yamuwa embuzi n'ente, ne ffeeza ne zaabu, n'abaddu n'abazaana, n'eamira n'endogoyi.
- 36 Ne Saala mukazi wa mukama wange n'azaalira! mukama wange omwana bwe yali ng'akaddiye: era oyo n'amuwa. byonna by'alina.
- 37 Ne mukama wange n'andayiza, ag'ayogera nti Toliwasiza mwana wange mukazi aliva mu bawala aba Abakanani, be ntuulira mu nsi yaabwe:
- 38 naye oligenda eri ennyumba ya kitange, n'eri baganda bange, owasize omwana wange omukazi.
- 39 Ne amba mukama wange nti Mpozzi omukazi talikkiriza kujja nange.
- 40 N'aamba nti Mukama, gwe ntambulira, mu maaso ge, alituma malayika we wamu naawe, aliwa olugendo lwo omukisa; naawe oliwasiza omwana wange omukazi aliva mu baganda bange, ne mu nnyumba ya kitange:
- 41 bw'otyo tolibaako musango olw'ekirayiro kyange, bw'olituuka mu baganda bange; nabo bwe batalikuwa mukazi, ggwe nga toliiko musango olw'ekirayiro kyange.
- 42 Leero ne njija awali oluzzi, ne njogera nti Ai Mukama, Katonda wa mukama wange Ibulayimu, bw'onoowa kaakano omukisa olugendo lwange lwe enda:
- 43 laba, nnyimiridde awali ensulo y'amazzi; kale kibeere bwe kiti; omuwala anafuluma okusena, gwe nnaagamba nti Ompe, nkwegapiridde, otuzzi mu nsuwa yo nnywe:
- 44 naye ananamba nti nywa ggwe, era nze naasenera n'eamira zo: oyo abeere oyo Mukama gwe yalagirira omwana wa mukama wange.
- 45 Bwe mbadde nga nkyayogera mu mutima gwange, laba, Lebbeeka n'afuluma ng'alina ensuwa ye ku kibegabega kye: n'aserengeta ku nsulo, n'asena: ne mmugamba nti Nnywe, nkwegayiridde.
- 46 N'ayanguwa, n'assa ensuwa ye okuva ku kibegabega kye, n'ayogera nti Nywa, nange naanywesa n'eamira zo: ne nnywa, naye n'anywesa n'eamira.
- 47 Ne mmubuuza ne njogera nti Ggwe oli mwana w'ani? N'ayogera nti Mwana wa Bessweri, omwana wa Nakoli, Mirika gwe yamuzaalira: ne nnaanika empeta mu nnyindo ye, n'emisagga ku mikono gye.
- 48 Ne nkutama, ne nsinza Mukama, ne nneebaza Mukama, Katonda wa mukama wange Ibulayimu, eyannuamya mu kkubo lyeanyini okuwasiza omwana we omwana wa mwannyina mukama wange.
- 49 Ne kaakaano bwe munakkiriza okukolera mukama wange eby'ekisa n'eby'amazima, mumbuulire; era bwe mutakkirize, mumbuulire; ndyoke nkyukire ku mukono ogwa ddyo, oba ku gwa kkono.
- 50 Labbaani ne Bessweri ne balyoka baddamu ne boogera nti Ekigambo ekyo kivudde eri Mukama: tetuyinza kukubuulira bibi newakubadde ebirungi.

- 51 Laba, Lebbeeka ali mu maaso go, mutwale, ogende, abeere mukazi w'omwana wa mukama wo, Mukama aga bw'ayogedde.
- 52 Awo olwatuuka, omuddu wa Ibulayimu bwe yawuiira ebigambo ebyo, n'avuunama eri Mukama,
- 53 Omuddu n'aleeta amakula aga ffeeza n'amakula aga zaabu n'ebymbalo, n'abiwa Lenbeeka: era n'awa ne mwannyina ne nayina ebintu eby'omuwendo omungi.
- 54 Ne balya ne banywa; ye n'abasajja abaali naye, ne basula ne bakeesa obudde; ne bagolokoka enkya, n'ayogera nti Munsibute yende eri mukama wange.
- 55 Ne mwannyina ne nnyina ne boogera nti Omuwala abeere naffe amale eanaku si nnyingi, ekkumi oba kusingawo; alyoke agende.
- 56 N'abagamba nti Tondwisa, kubanga Mukama awadde omukisa olugendo lwange; munsibule ende eri mukama wange.
- 57 Ne boogera nti Tunaayita omuwala, tumubuuze mu kamwa ke.
- 58 Ne ayita Lebbeeka, ne bamugamba Onoogenda n'omusajja ono? N'ayogera nti Nnaagenda.
- 59 Ne basiibula Lebbeeka mwannyinaabwe, n'omulenzi we, n'omuddu wa Ibulayimu, n'abasajja be.
- 60 Ne basabira Lebbeeka omukisa, ne bamugamba nti Mwannyinaffe, beeranga nnyina w'abantu obukumi enkumi n'ezzadde lyo liryenga omulyango gw'abo ababakyawa.
- 61 Lebbeeka n'agolokoka n'abazaana be, ne beebagala ku amirane bagenda n'omusajja: omuddu n'atwala Lebeeka ne yeegendera.
- 62 Isaaka najja ng'ava mu kkubo ery'e Beerirakairoi: kubanga yali atuula mu nsi ey'obukiika obwa ddyo.
- 63 Isaaka n'afuluma okufumiitiriza mu nnimiro akawungeezi : n'ayimusa amaaso ge, n'atula, era, laba, eamira nga zijja.
- 64 Lebbeeka n'ayimusa amaaso ge, era bwe yalaba Isaaka, n'ava kuamira.
- 65 N'agamba omuddu nti Musajja ki oyo atambulira mu ninniro okutusisinkaana? Omuddu n'ayogera nti Ye mukama wange: n'addirira olugoye lwe olubikka mu maaso ne yeebikkako.
- 66 Omuddu n'abuulira Isaaka byonna bye yakola
- 67 Isaaka n'amuleeta mu nnyumba nnyina Saala, n'awasa Lebbeeka, n'aba mukazi we; n'amwagala: Isaaka n'asanyusibwa nnyina bwe yamala okufa.

Essuula 25

- 1 Awo Ibulayimu n'awasa omukazi amulala, erinnya lye Ketula.
- 2 Naye n'amuzaalira Zimulaani, ne Yokusaani, ne Medani, ne Midiyaani, ne Isubaki, ne Suwa.
- 3 Yokusaani n'azaala Seeba, ne Dedani. N'abaana ba Dedani abasajja baali Asulimu, ne Letusimu, ne Leumimu.
- 4 N'abaana ba Midiyaani abasajja; Efa, ne Eferi, ne Kanoki, ne Abida, ne Erudaa. Abo bonna baana ba Ketula.
- 5 Ibulayimu n'awa Isaaka byonna bye yalina.
- 6 Naye abaana abasajja ab'abazaana, Ibulayimu be yalina, Ibulayimu n'abawa bo ebirabo; n'abasindika okuva eri Isaaka omwana we, bwe yali ng'akyali mulamu, bagende ebuvanjuba, mu nsi ey'ebuvanjuba.
- 7 N'ennaku ez'emyaka ez'obulamu bwa Ibulayimu bwe yamala ze zino, emyaka kikumi mu nsanvu mu etaano.
- 8 Ibulayimu n'ata omukka n'afa ng'amaze okuwangaala obulungi, nga mukadde emyaka gye nga gituukiridde: n'atwalibwa eri abantu be.

- 9 Isaaka ne Isimaeri batabani be ne bamuziika mu mpuku ya Makupeera, mu Iusuku lwa Efulooni omwana wa Zokali Omukiiti, olutunuulira Mamule;
- 10 olusuku abaana ba Keesi lwe baaguza Ibulayimu: Ibulayimu mwe baamuziika omwo ne Saala mukazi we.
- 11 Awo olwatuuka Ibulayimu ng'amaze okufa Katonda n'awa Isaaka omwana we omukisa; Isaaka n'atuulanga ku Beerirakairoi.
- 12 Era okuzaala kwa Isimaeri, omwana wa Ibulayimu Agali Omamisiri, omuzaana wa Saala, gwe yazaalira Ibulayimu, kwe kuno:
- 13 n'abaana ba Isimarei, amannya gaabwe nga bwe gaali, nga bwe baazaalibwa, amannya gaabwe ge gano: omubereberye wa Isimaeri, Nebayoosi; ne Kedali, ne Adubeeri, ne Mibusamu,
- 14 ne Misuma, ne Duma, ne Masa;
- 15 Kadadi ne Teenna, Yettili, Nafisi, ne Kedema:
- 16 abo be baana ba Isimaeri, era ago ge mannya gaabwe, ng'ebyalo byabwe bwe byali, era nga bwe baakuba eweema zaabwe; abalangira kkumi na babiri ng'amawanga gaabwe bwe gaali.
- 17 N'emyaka gya Isimaeri gye yamala, emyaka kikumi mu asatu mu musanvu: n'ata omukka n'afa; n'atwalibwa eri abantu be.
- 18 Ne batuula okuva ku Kavira okutuuka ku Ssuuli ekitunuulira Misiri, ng'ogenda e Bwasuli: yatuulanga mu maaso ga baganda be bonna.
- 19 N'okuzaala kwa Isaaka, omwa-i na wa Ibulayimu, kwe kuno: Ibulayimu yazaala Isaaka:
- 20 era Isaaka yali yaakamaze emyaka ana bwe, yawasa Lebbeeka, omwana wa, Bessweri Omusuuli ow'e Padanalaamu, mwannyina Labbaani Omusuuli, okuba mukazi we.
- 21 Isaaka ne yeegayiririra Mukama mukazi we, kubanga yali mugumba: Mukama n'awulira okwegayirira kwe, ne Lebbeeka mukazi we n'aba olubuto.
- 22 Abaana ne bawakanira mu nda ye; n'ayogera nti Bwe kiri bwe kityo, kyenva mbeera, omulamu kiki? N'agenda okubuuza Mukama.
- 23 Mukama n'amugamba nti Amawanga abiri gali mu lubuto lwo. N'ebika ebibiri biryawukana n'okuva mu byenda byo: N'eggwanga erimu linaasinganga eggwanga eddala amaanyi; N'omukulu anaaweerezanga omuto.
- 24 Awo ennaku ze bwe zaatuukirira okuzaala, laba ne baba abalongo mu lubuto lwe.
- 25 N'omubereberye n'avaamu nga mummyufu, omubiri gwe gwonna nga gufaanana ekyambalo eky'ebyoya: ne bamutuuma erinnya lye Esawu.
- 26 Muganda we n'amuddirira n'avaamu, omukono gwe nga gukutte ekisinziro kya Esawu; n'erinnya lye ne bamutuuma Yakobo: era Isaaka yali yaakamaze emyaka nkaaga, mukazi we bwe yabazaala.
- 27 Abalenzi ne bakula: Esawu n'abanga omuyizzi ow'amagezi, omusajja ow'omu nsiko; ne Yakobo yali musajja muteefu, eyatuulanga mu weema.
- 28 Era Isaaka n'ayagala Esawu, kubanga yalyanga ku muyiggo gwe: ne Lebbeeka n'ayagala Yakobo.
- 29 Yakobo n'afumba omugoyo: Esawu n'ayingira ng'a vudde mu nsiko, ng'akooye nga talina maanyi:
- 30 Esawu n'agamba Yakobo nti Ndiisa, nkwegayirira, omugoyo ogwo omummyufu; kubanga sirina maanyi: erinnya lye kye lyava liyitibwa Edomu.
- 31 Yakobo n'ayogera nti Nguza leero eby'obukulu bwo.
- 32 Esawu n'ayogera nti Laba, mbulako katono iokufa: n'eby'obukulu biringasa bitya?
- 33 Yakobo n'amugamba nti Ndayirira leero; n'amulayirira: n'aguza Yakobo eby'obukulu bwe.
- 34 Yakobo n'awa Esawu emmere n'omugoyo gw'ebijanjaalo; n'alya, n'anywa,

n'agolokoka, ne yeegendera: bw'atyo Esawu n'anyooma eby'obukulu bwe.

Essuula 26

- 1 Ne wagwa enjala mu nsi, endala so si eyo ey'olubereberye eyagwa mu nnaku za Ibulayimu. Isaaka n'agenda eri Abimereki kabaka wa Abafirisuuti mu Gerali.
- 2 Mukama n'amulabikira, n'ayogera nti Toserengeta mu Misiri; tuula mu nsi gye nnakugambako:
- 3 beera mu nsi eno, nange naabeeranga wamu naawe, era naakuwanga omukisa; kubanga ggwe n'ezzadde lyo ndibawa mmwe ensi zino zonna, era naanywezanga ekirayiro kye nnalayirira Ibulayimu kitaawo;
- 4 era naayazanga ezzadde lyo ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, era ndiwa ezzadde lyo ensi zino zonna; ne mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa;
- 5 kubanga Ibulayimu yawuliranga eddoboosi lyange, ne yeekuumanga bye nnamukuutiranga, ebigambo byange, amateeka gange, n'ebiragiro byange.
- 6 Isaaka n'atuula mu Gerali:
- 7 abasajja baayo ne bamubuuza ku mukazi we; n'ayogera nti Ye mwannyinaze: kubanga yatya okwogera nti Mukazi wange; abasajja baawo baleme okunzita olwa Lebbeeka: kubanga yali mulungi okulaba.
- 8 Awo olwatuuka, bwe yali yaakamalayo ebiro bingi, Abimereki kabaka wa Abafirisuuti n'atunuulira mu ddirisa, n'alaba, era laba, Isaaka yali ng'azannya ne Lebbeeka mukazi we.
- 9 Abimereki n'ayita Isaaka n'amugamba nti Laba mazima ye mukazi wo: naawe wayogera otyo nti ye mwannyinaze? Isaaka n'amugamba nti Kubanga nali njogera nti Nneme okufa ku bubwe.
- 10 Abimereki n'ayogera nti Kino kiki ky'otukoze? omu ku bantu yaadisuze ne mukazi wo nga talowoozezza, naawe wandituleeseeko omusango.
- 11 Abimereki n'akuutira abantu bonna, ng'ayogera Buli anaakwatanga ku musajja oyo oba mukazi we talirema kuttibwa.
- 12 Isaaka n'asiga mu nsi eyo, n'afuna mu mwaka ogwo emirundi kikumi: Mukama n'amuwa omukisa.
- 13 Omusajja n'akula ne yeeyongerayongeranga okutuusa bwe yali omukulu ennyo:
- 14 era yaluna embuzi ze n'ente ze, n'abaddu baagi: n'akwasa Abafirisuuti obuggyaa.
- 15 Awo enzizi zonna abaddu ba kitaawe ze baasimira mu nnaku za Ibulayimu kitaawe, Abafirisuuti baali nga bazizibye era nga bazijjuzizza ettaka.
- 16 Abimereki n'agamba Isaaka nti genda tuveeko; kubanga otusinga nnyo amaanyi.
- 17 Isaaka n'avaayo, n'asimba eweema ze mu kiwonvu eky'e Gerali, n'atuula omwo.
- 18 Isaaka n'ayerula enzizi z'amazzi, ze baasimira mu nnaku za Ibulayimu kitaawe; kubanga Abafirisuuti baaziziba Ibulayimu bwe yamala okufa: n'aziyita amannya gaazo ag'amannya bwe gaali kitaawe ge yazituuma.
- 19 Abaddu ba Isaaka ne basima mu kiwonvu, ne balaba omwo oluzzi Iw'amazzi amalamu.
- 20 N'abasumba ab'e Gerali ne bawakanya abasumba ba Isaaka, nga boogera nti' Amazzi gaffe: n'atuuma oluzzi erinnya lyalwo Eseki; kubanga baawakana naye.
- 21 Ne basima oluzzi olulala, era a'olwo ne baluwakaaira: n'alutuuma erinnya lyalwo Situna.
- 22 N'ajjulukuka okuvaayo, n'asima oluzzi olulala; n'olwo ne bataluwakanira; n'alutuuma erinnya lyalwo Lekobosi; n'ayogera nti Kubanga kaakano Mukama atugaziyizizza, naffe tulyalira mu nsi.

- 23 N'avaayo n'aYambuka e Beeruseba.
- 24 Mukama n'amulabikira ekiro ekyo, n'ayogera nti Nze Katonda wa Ibulayimu kitaawo: totya, kubanga nze ndi wamu naawe era naakuwanga omukisa, era naayongeranga ezzadde lyo ku bw'omuuddu wange Ibulayimu.
- 25 N'azimba ekyoto eyo, n'akoowoola erinnya lya Mukama, n'asimba eyo eweema ye: n'eyo abaddu ba Isaaka ne basimayo oluzzi.
- 26 Abimereki n'alyoka ava mu Gerali n'agenda gy'ali, ne Akuzasi mukwano gwe, ne Fikoli omukulu w'eggye lye.
- 27 Isaaka n'abagamba ati Kiki ekibaleese gye ndi, bwe muba nga munkyawa, era mwan-goba gye muli?
- 28 Ne boogera nti Twalabira ddala nga Mukama ali naawe: ne twogera nti Wabeere nno ekirayiro gye tuli, wakati waffe naawe, era tulagaane endagaano naawe;
- 29 obutatukolerangako kabi, nga ffe bwe tutakukwatangako, era nga bwe tutakukoleranga kantu wabula ebirungi, era ne tukusindika n'emirembe; kaakano ggwe oyo Mukama gw'awa omukisa.
- 30 N'abafumbira embaga, ne balya ne banywa.
- 31 Ne bagolokoka enkya mu makya, ne balayiragana: Isaaka n'abasiibula, ne bamuvaako n'emirembe.
- 32 Awo olwatuuka ku lunaku olwo, abaddu ba Isaaka ne bajja, ne bamubuulira ku luzzi lwe baali basimye, ne bamugamba ati Tulabye amazzi.
- 33 N'alutuuma Siba; erinnya ly'ekibuga kyeriva libeera Beeruseba ne leero.
- 34 Esawu bwe yali nga yaakamaze emyaka ana n'awasa Yudisi omwana wa Beeri Omukiiti, ne Basimansi omwana wa Eromi Omukiiti:
- 35 ne banakuwaza Isaaka ne Lebbeeka emmeeme zaabwe.

Essuula 27

- 1 Awo olwatuuka Isaaka bwe yamala okukaddiwa, n'amaaso ge nga gayimbadde n'okuyinza nga takyayinza kulaba, n'ayita Esawu omwana we omubereberye, n'amugamba nti Mwana wange: n'amugamba nti Nze nzuuno.
- 2 N'ayogera nti Laba nno, nze nkaddiye, simanyi lunaku lwe ndifirako.
- 3 Kale kaakano nkwegayirira, ddira by'oyizza, omufuko gwo n'omutego gwo, ogende mu nsiko, onjiggire omuyiggo;
- 4 era onnongooseze ennyama ey'akawoowo, nga bwe njagala, ogindeetere, ndye; obulamumu bwange bukusabire omukisa nga sinnafa.
- 5 Lebbeeka n'awulira Isaaka bwe yayogera ne Esawu omwana we. Esawu n'agenda mu nsiko okuyigga omuyiggo, n'okuguleeta.
- 6 Lebbeeka n'agamba Yakobo omwana we nti Laba, mpulidde kitaawo ng'agamba Esawu muganda wo nti
- 7 Ndeetera omuyiggo, onnongooseze ennyama ey'akawoowo, ndye, nkusabire omukisa mu maaso ga Mukama nga sinnafa.
- 8 Kale kaakano, mwana wange, wulira eddoozi lyange ng'ebyo bwe biri bye nkulagira.
- 9 Genda kaakano eri embuzi, onkimireyo abaana b'embuzi abalungi babiri; nange naazirongooseza kitaawo okuba ennyama ey'akawoowo, nga bw'ayagala:
- 10 naawe onoogitwalira kitaawo, alye, alyoke akusabire omukisa nga tannafa.
- 11 Yakobo n'agamba Lebbeeka nnyina nti Laba, Esawu muganda wange ye musajja ow'obwoya, nange omubiri gwange guseerera.
- 12 Mpozzi kitange anampeewetako, nange naafaanana gyali ng'omulimba; era neereetako okukolimirwa, so si mukisa.

- 13 Nnyina namugamba nti Okukolimirwa kwo kubeere ku nze, mwana wange: kino kyokka, wulira eddoboosi lyange, ogende obinkimire.
- 14 N'agenda, n'abikima, n'abireetera nnyina : nnyina n'alongoosa ennyama ey'akawoowo, nga kitaawe bwe yayagala.
- 15 Lebbeeka n'addirira ebyambalo ebirungi ebya Esawu omwana we omubereberye, ebyali naye mu nnyumba, n'ayambaza ebyo Yakobo omwana we omuto:
- 16 n'ateeka amaliba g'abaana b'embuzi ku ngalo ze, ne ku nsiago awaseerera:
- 17 n'awa omwana we Yakobo mu ngalo ze ennyama ey'akawoowo n'emmere bye yali aloagoosezza.
- 18 N'ajja eri kitaawe, n'ayogera nti Kitange: n'ayogera nti Nze nzuuno; ggwe ani, mwana wange?
- 19 Yakobo n'agamba kitaawe nti Nze Esawu omwana wo omubereberye; era nkoze nga bw'ondagidde: golokoka, nkwegayirira, otuule olye ku muyiggo gwange, obulamu bwo bunsabire omukisa.
- 20 Isaaka n'agamba omwana we nti Kiki ekikugulabisizza amangu bwe kityo, mwana wange? N'ayogera nti Kubanga Mukama Katonda wo ambedde.
- 21 Isaaka n'agamba Yakobo nti Sembera, nkwegayiridde, nkuweeweteko, mwana wange, oba ggwe mwana wange Esawu ddala ddala nantiki si ye wuuyo.
- 22 Yakobo n'asemberera Isaaka kitaawe; n'amuweewetako, n'ayogera nti Eddoboosi ly'eddoboosi lya Yakobo, naye engalo z'engalo za Esawu.
- 23 N'atamwekkaanya, kubanga engalo ze zaaliko obwoya, ng'engalo za muganda we Esawu: kale n'amusabira omukisa.
- 24 N'ayogera nti gwe mwana wange Esawu ddala ddala? N'ayogera nti Nze nzuuyo.
- 25 N'ayogera nti Gunsembereze, nange n'alya ku muyiggo ogw'omwana wange, obulamu bwange bukusabire omukisa. N'agusembeza gy'ali, n'alya; n'amuleetera omwenge, n'anywa.
- 26 Kitaawe Isaaka n'amugamba nti Sembera kaakanonnywegere, mwana wange
- 27 N'asembera, n'amunywegera n'awulira akaloosa ek'ebyambalo bye, n'amusabira omukisa, n'ayogera nti Laba, akaloosa ak'omwana wange Kalintlanga akaloosa ak'ennimiro Mukama gy'awadde omukisa:
- 28 Era Katonda akuwenga ku musulo oguva mu ggulu, Ne ku bugimu obw'ensi, N'entlaano nnyingi a'omwenge mungi:
- 29 Abantu bakuweerezenga N'amawaanga gakuvuunamirenga: Ofugenga baganda bo, N'abaana ba nayoko bakuvuunamirenga: Akolimirwenga buli akukolimira, Era aweebwenga omukisa buli akusabira omukisa.
- 30 Awo olwatuuka, Isaaka bwe yali nga kyajje amale okusabira Yakobo omukisa, ne Yakobo ng'akyaliwo tannaviira ddala eri Isaaka kitaawe, Esawu muganda we n'alyoka ayingira ng'avudde okuyigga.
- 31 Era naye n'alongoosa ennyama ey'akawoowo, n'agireetera kitaawe; n'agamba kitaawe nti Kitange agolokoke, alye ku muyiggo ogw'omwana we, obulamu bwo bunsabire omukisa.
- 32 Isaaka kitaawe n'amugamba nti Ggwe ani? N'ayogera nti Nze mwana wo, omubereberye wo, Esawu.
- 33 Isaaka n'akankana nnyo nayini, n'ayogera nti Kale ani oyo eyayizze omuyiggo n'agundeetera, nange ndidde ku byonna nga tonnajja, ne mmusabira omukisa? era naye n'okuweebwa aliweebwa omukisa.
- 34 Esawu bwe yawulira ebigambo bya kitaawe, n'akaaba okukaaba okunene ennyo era okw'ennaku enayingi, n'agamba kitaawe nti Nsabira nze, era nange, ai kitange.
- 35 N'ayogera nti Muganda wo azze ng'alimba, era akuggyeko omukisa gwo.
- 36 N'ayogera nti Teyatumibwa bulungi erinnya lye Yakobo? kubanga annyiringiridde

mu byange emirundi gino gyombi: yanziyako eby'obukulu bwange; ne kaakano, laba anziyeeko omukisa gwange. N'ayogera nti Tonterekedde nange mukisa?

- 37 Isaaka n'addama n'agamba Esawu nti Laba, mmuwadde okukufuganga ggwe, ne baganda be bonna mbawadde eri ye okumuweerezanga; era mmujjaajabye n'eaano n'omwenge: kale kiki kye nnaakukolera ggwe, mwana wange?
- 38 Esawu n'agamba kitaawe nti Olina omukisa gumu gwokka, kitange? nsabira nze, era nange, ai kitange. Esawu n'ayimusa eddoozi lye, n'akaaba.
- 39 Isaaka kitaawe n'addamu n'amugamba nti Laba, ennyumba yo eneebanga ya bugimu bwa nsi, Era ya musulo oguwa mu ggulu waggulu;
- 40 N'ekitala kyo kye kinaakuwanga obulamu, era onooweerezanga muganda wo; Era olulituuka bw'olyesumattula, Olikunkumula ekikoligo kye okuva mu bulago bwo.
- 41 Esawu n'akyawa Yakobo olw'omukisa kitaawe gwe yamusabira: Esawu n'ayogera mu mutima gwe nti Ennaku ez'okukaabira kitange ziriteta okutuuka; ne ndyoka nzita muganda wange Yakobo.
- 42 Ne babuulira Lebbeeka ebigambo bya Esawu omwana we omubereberye; n'atuma n'ayita Yakobo omwana we omuto, n'amugamba nti Laba, muganda wo Esawu, mu bigambo byo, yeesanyusa, ng'ateesa okukutta.
- 43 Kale kaakano, mwana wange, wulira eddoozi lyange; ogolokoke, oddukire eri Labbaani mwannyinaze mu Kalani:
- 44 omaleyo naye ennaku si nnyingi, okutuusa obukambwe bwa muganda wo lwe bulyekooloobya;
- 45 obusungu bwa muganda wo lwe bulyekooloobya gy'oli, naye lw'alyerabira kye wamukolera: ne ndyoka ntuma, ne nkuggyayo: kiki ekyandinfiisizzaako mmwe mmwembi ku lunaku olumu?
- 46 Lebbeeka n'agamba Isaaka nti Obulamu bwange bunkooyesezza olw'abawala ba Keesi: Yakobo bw'aliwasa omukazi ku bawala ba Keesi, abali nga abo, ku bawala ab'omu nsi eno, obulamu bwange bulingasa butya?

Essuula 28

- 1 Isaaka n'ayita Yakobo, n'amusabira omukisa, n'amukuutira, n'amugamba nti Towasanga mukazi ku bawala ba Kanani.
- 2 Golokoka, ogende e Padanalaamu, eri ennyumba ya Bessweri kitaawe wa nnyoko; weewasize omukazi alivaayo ku bawala ba Labbaani mwannyina wa nnyoko.
- 3 Era Katonda Omuyinza w'ebintu byonna akwongerenga, ofuuke ekibiina ky'amawanga;
- 4 era akuwe omukisa gwa Ibulayimu, ggwe n'ezzadde lyo awamu naawe; osikire ensi gye watambuliramu, Katonda gye yawa Ibulayimu.
- 5 Isaaka n'asindika Yakobo: n'agenda e Padanalaamu eri Labbaani, omwana wa Bessweri Omusuuli, mwannyina Lebbeeka, nnyina wa Yakobo ne Esawu.
- 6 Era Esawu n'alaba nga Isaaka yasabira Yakobo omukisa n'amusindika okugenda e Padanalaamu, okwewasizaayo omukazi; era bwe yamusabira omukisa n'amukuutira ng'ayogera nti Towasanga mukazi ku bawala ba Kanani;
- 7 era nga Yakobo n'awulira kitaawe ne nnyina, era ng'agenze e Padanalaamu;
- 8 Esawu n'alaba ng'abawala ba Kanani tebaasanyusa Isaaka kitaawe;
- 9 Esawu n'agenda eri Isimaeri, n'awasa wamu n'abakazi be yalina Makalasi muwala wa Isimaeri omwana wa Ibulayimu, mwannyina Nebayoosi, okuba mukazi we.
- 10 Yakobo n'ava mu Beeruseba n'agenda eri Kalani.
- 11 N'atuuka mu kifo, n'asulawo n'akeesa obudde, kubanga enjuba yali egudde; n'atwala erimu ku mayinja ag'omu kifo, n'alyezizika wansi w'omutwe gwe, n'agalamira mu

kifo ekyo okwebaka.

- 12 N'aloota ekirooto, era, laba, amadaala agaasimbibwa ku ttaka, n'entikko yaago ng'etu-use muggulu: era laba bamalayika ba Katonda nga balinnya era nga bakka ku go.
- 13 Era, laba, Mukama ng'ayimiridde waggulu waago, n'ayogera nti Nze Mukama, Katonda wa Ibulayimu jjajjaawo, era Katonda wa Isaaka: ensi gy'ogalamiddeko, ndigikuwa ggwe n'ezzadde lyo;
- 14 n'ezzadde lyo linaabanga ng'enfuufu ey'oku nsi, era olibuna ebugwanjuba, n'ebuvan-juba, n'obukiika obwa kkono, n'obwa ddyo: ne mu ggwe ne mu zzadde lyo ebika byonna eby'omu nsi mwe biriweerwa omukisa.
- 15 Era, laba, nze ndi wamu naawe, era naakukuumanga gy'onoogendanga yonna, era ndikukomyawo mu nsi eno; kubanga sirikuleka okutuusa lwe ndimala okukola bye nkugambyeko.
- 16 Yakobo n'azuukuka mu tulo, n'ayogera nti Mazima Mukama ali mu kifo kino; nange mbadde simanyi.
- 17 N'atya, n'ayogera nti Ekifo kino nga kya ntiisa (ekifo) kino ye nnyumba ya Katonda ddala mazima, era gwe mulyango gw'eggulu.
- 18 Yakobo n'agolokoka enkya mu makya, n'addirajja lye yeezizise wansi w'omutwe gwe, n'alisimba okuba empagi, n'alifukako amafuta ku ntikko yaalyo.
- 19 N'atuuma ekifo ekyo erinnya lyakyo Beseri naye erinnya ly'ekibuga olubereberye lyali Luzi.
- 20 Yakobo ne yeeyama obweyamo, ng'ayogera nti Katonda bw'anaabanga awamu nange era bw'anankuumiranga mu kkubo lino lye endamu, era bw'anampanga emmere ey'okulya, n'engoye ez'okwambala,
- 21 n'okudda ne nzira mu nnyumba ya kitange n'emirembe, Mukama n'alyoka abeera Katonda wange,
- 22 n'ejjinja lino, lye nsimbye okuba empagi, liriba ennyumba ya Katonda: era ku byonna by'onompanga siiremenga kukuwa ggwe ekitundu eky'ekkumi.

Essuula 29

- 1 Yakobo n'alyoka agenda ng'atambula, n'ajja mu nsi ey'abaana ab'ebuvanjuba.
- 2 N'atunula, era, laba, oluzzi mu nnimiro, era, laba, ebisibo bisatu eby'endiga nga zigalamidde awo awali oluzzi: kubanga mu luzzi omwo mwe baanywesanga ebisibo: n'ejjinja eryali ku kamwa k'oluzzi lyali ddene.
- 3 N'ebisibo byonsatule ne bikuaanira awo: ne bayiringisa ejjinja okuliggya ku kamwa k'oluzzi, ne banywesa endiga, ne bazza ejjinja ku kamwa k'oluzzi, mu kifo kyalyo.
- 4 Yakobo n'abagamba nti Baganda bange, muva wa? Ne boogera nti Tuli ba Kalani.
- 5 N'abagamba nti Mumanyi Labbaani omwana wa Nakoli? Ne boogera nti Tumumanyi.
- 6 N'abagamba nti Mulamu? Ne boogera nti Mulamu: era, laba, Laakeeri muwala we ajja n'endiga.
- 7 N'ayogera nti Laba, enjuba ekyali mu luggya; so obudde tebunnatuuka ensolo okukuaanyizibwa: munyweese endiga, mugende muziriise.
- 8 Ne boogera nti Tetuyinza, ebisibo byonsatule nga tebinnakuaanyizibwa, ne bayiringisa ejjinja okuliggya ku kamwa k'oluzzi: ne tulyoka tunywesa endiga.
- 9 Bwe yali akyayogera nabo, Laakeeri n'ajja n'endiga za kitaawe; kubanga ye yazirundanga.
- 10 Awo olwatuuka Yakobo bwe yalaba Laakeeri muwala wa Labbaani mwannyina nnyina n'endiga za Labbaani mwannyina nnyina, Yakobo n'asembera, n'ayiringisa ejjinja n'aliggya ku kamwa k'oluzzi, n'anywesa ekisibo kya Labbaani mwannyina nnyina.
- 11 Yakobo n'anywegera Laakeeri, n'ayimusa eddoboosi lye, n'akaaba.

- 12 Yakobo n'abuulira Laakeeri nga ye muganda wa kitaawe, era nga ye mwana wa Lebbeeka: n'addukana mbiro n'abuulira kitaawe.
- 13 Awo olwatuuka Labbaani bwe yawulira ebigambo bya Yakobo omwana wa mwannyina n'addukana okumusisinkana, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera, n'amuyingiza mu nnyumba ye. N'abuulira Labbaani ebigambo ebyo byonna.
- 14 Labbaani n'amugamba nti Mazima ggwe oli ggumba lyange era omubiri gwange. N'atuula naye n'amalayo omwezi gumu.
- 15 Labbaani n'agamba Yakobo nti Kubanga oli muganda wange kyekiva kikugwanira okumpeererezanga obwereere? mbuulira, empeera yo eneebanga ki?
- 16 Era Labbaani yalina abawala babiri: erinnya ly'omukulu Leeya, n'erinnya ly'omuto Laakeeri.
- 17 Ne Leeya amaaso ge gaali magonvu; naye Laakeeri yali mulungi n'amaaso ge ga kusanyusa.
- 18 Yakobo n'ayagala Laakeeri; n'ayogera nti Naakuweererezanga emyaka musanvu mpeebwe Laakeeri omwana wo omuto.
- 19 Labbaani n'ayogera nti Waakiri mmukuwe ggwe okusinga okumuwa omusajja omulala; beera nange.
- 20 Yakobo n'aweerereza emyaka musanvu aweebwe Laakeeri; ne gifaanana ng'ennaku si nnyingi olw'okwagala kwe yamwagala.
- 21 Yakobo n'agamba Labbaani nti Mpa omukazi wange, kubanga ennaku zange zituukiridde, nnyingire gy'ali.
- 22 Labbaani n'akuaanya abasajja bonna ab'omu kifo, n'afumba embaga.
- 23 Awo olwatuuka akawungeezi n'addirira Leeya omwana we, n'amumuletera; n'ayingira gy'ali.
- 24 Labbaani n'amuwa Zirupa omuzaana we eri omwana we Leeya okuba omuzaana.
- 25 Awo olwatuuka enkya n'alaba nga ye Leeya: n'agamba Labbaani nti Kino kiki ky'onkoze? saakuweereza lwa Laakeeri? kale kiki ekikunnimbizza?
- 26 Labbaani n'ayogera nti Tebakola bwe batyo mu kifo kyaffe okuwa omuto okusooka omubereberye.
- 27 Mala ennaku musanvu ez'oyo, tulyoke tukuwe n'omulala olw'okuweereza kw'onompeererezanga nate emyaka omusanvu emirala.
- 28 Yakobo n'akola bw'atyo, n'amala ennaku ze musanvu: n'amuwa Laakeeri omwana we okumuwasa.
- 29 Labbaani n'awa Laakeeri omwana we Bira omuzaana we okuba omuzaana we.
- 30 Era n'ayingira n'eri Laakeeri, era n'ayagala Laakeeri okusinga Leeya, n'amuweereza nate emyaka musanvu emirala.
- 31 Mukama n'alaaba nga Leeya yakyibwa, n'asumula olubuto lwe naye Laakeeri yali mugumba.
- 32 Leeya n'aba olubuto, n'azaala omwana ow'obulenzi n'amutuuma erinnya lye Lewubeni: kubanga yayogera nti Kubanga Mukama atunuulidde ekibonoobono kyange; kubanga kaakano baze ananjagala.
- 33 N'aba olubuto nate n'azaala omwana ow'obulenzi; n'ayogera nti Kubanga Mukama yawulira nga nkyayibwa kyavudde ampa n'omwana ono era: n'amutuuma erinnya lye Simyoni.
- 34 N'aba olubuto nate, n'azaala omwana ow'obulenzi; n'ayogera nti Kale nno omulundi guno baze aneegatta nange, kubanga mmuzaalidde abaana ab'obulenzi basatu: erinnya lye kyeryava liba Leevi.
- 35 N'aba olubuto nate, n'azaala omwana ow'obulenzi: n'ayogera nti Omulundi guno naamutendereza Mukama: kyeyava amutuuma erinnya lye Yuda; n'aleekera awo okuzaala.

Essuula 30

- 1 Laakeeri bwe yalaba nga tazaalira Yakobo baana, Laakeeri n'akwatirwa obuggya muganda we; n'agamba Yakobo nti Mpa abaana, oba tompe, n'afa.
- 2 N'obusungu bwa Yakobo ne bubuubuukira Laakeeri: n'ayogera nti Nze ndi mu kifo kya Katonda, eyakumma ebibala eby'olubuto?
- 3 N'ayogera nti Laba omuzaana wange Bira, yingira gy'ali; alyoke azaalire ku maviivi gange, era nange nfunne abaana mu ye.
- 4 N'amuwa Bira omuzaana we okumuwasa: Yakobo n'ayingira gy'ali.
- 5 Bira n'aba olubuto, n'azaalira Yakobo omwana ow'obulenzi.
- 6 Laakeeri n'ayogera nti Katonda ansalidde omusango, era ampulidde eddoboosi lyange, era ampadde omwana ow'obulenzi: kyeyava amutuuma erinnya lye Ddaani.
- 7 Bira omuzaana wa Laakeeri n'aba olubuto nate, n'azaalira Yakobo omwana ow'obulenzi ow'okubiri.
- 8 Laakeeri n'ayogera nti Mmegganye ne muganda wange okumeggana okw'amaanyi, era mmezze: n'amutuuma erinnya lye Nafutaali.
- 9 Leeya bwe yalaba ng'alekedde awo okuzaala, n'addirira Zirupa omuzaana we, n'amuwa Yakobo okumuwasa.
- 10 Zirupa omuzaana wa Leeya n'azaalira Yakobo omwana ow'obulenzi.
- 11 Leeya n'ayogera nti Kirungi! n'amutuuma erinnya lye Gaadi.
- 12 Zirupa omuzaana wa Leeya n'azaalira Yakobo omwana ow'obulenzi ow'okubiri.
- 13 Leeya n'ayogera nti Ndabye omukisa! kubanga abawala banampitanga wa mukisa: n'amutuuma erinnya lye Asezi.
- 14 Lewubeeni n'agenda mu nnaku mwe baali bakungulira eaano, n'alaba amadudayimu mu nnimiro, n'agaleetera nnyina Leeya. Awo Laakeeri n'amugamba Leeya nti Mpa, nkwegayiridde, ku madudayimu ag'omwana wo.
- 15 N'amugamba ye nti Kigambo kitono okunziyako baze? era oyagala okunziyako n'amadudayimu ag'omwana wange? Laakeeri n'amugamba nti Kyanaava asula naawe ekiro kino olw'amadudayimu ag'omwana wo.
- 16 Yakobo n'ava mu nnimiro akawungeezi, Leeya n'afuluma okumusisinkana, n'ayogera nti Kikugwanira okuyingira gye ndi; kubanga mazima nkuweeredde amadudayimu ag'omwana wange. N'asula naye ekiro ekyo.
- 17 Katonda n'awulira Leeya, n'aba olubuto, n'azaalira Yakobo omwana ow'obulenzi ow'okutaano.
- 18 Leeya n'ayogera nti Katonda ampadde empeera yange, kubanga nawa baze omuzaana wange: n'amutuuma erinnya lye Isakaali.
- 19 Leeya n'aba olubuto nate, n'azaalira Yakobo omwana ow'obulenzi ow'omukaaga.
- 20 Leeya n'ayogera nti Katonda ampadde ekirabo eky'obugole ekirungi; kaakano baze anaatuulanga nange kubanga mmuzaalidde abaana ab'obulenzi mukaaga: n'amutuuma erinnya lye Zebbulooni.
- 21 Oluvannyuma n'azaala omwana ow'obuwala, n'amutuuma arinnya Dina.
- 22 Katonda n'ajjukira Laakeeri, Katonda n'amuwulira, n'aggula olubuto lwe.
- 23 N'aba olubuto, n'azaala omwana ow'obulenzi: n'ayogera nti Katonda anziyeeko okuvumibwa kwange:
- 24 n'amutuuma erinnya lye Yusufu, ng'ayogera nti Mukama annyongereko omwana omulala ow'obulenzi.
- 25 Awo olwatuuka, Laakeeri bwe yamala okuzaala Yusufu, Yakobo n'agamba Labbaani nti Nsindika ende mu kifo ky'ewaffe, era mu nsi ey'ewaffe.
- 26 Mpa bakazi bange n'abaana bange be nnakuweerezanga, nneegendere: kubanga omanyi okuweereza kwange kwe nnakuweerezanga.

- 27 Labbaani n'amugamba nti Kaakano obanga ndabye ekisa mu maaso go, beera wano: kubanga nfumiitirizza nga Mukama yampa omukisa ku bubwo.
- 28 N'ayogera nti Nsalira empeera yo, nange naagiwanga.
- 29 N'amugamba nti Omanyi bwe nnakuweerezanga, era ebisibo byo bwe byali nange.
- 30 Kubanga bye walina nga sinnajja bitono, era byeyongedde okuba ebingi; era Mukama akuwadde omukisa gye nnakyukiranga yonna: ne kaakano ndifuna ddi eby'ennyumba yange nze era?
- 31 N'ayogera nti Naakuwa ki? Yakobo n'ayogera nti Toliiko ky'onompa: bw'olinkolera kino, naalundanga nate ekisibo kyo, naakikumanga.
- 32 Naayita leero mu kisibo kyo kyonna, nga nziyamu buli eya bujagijagi n'eya bitanga, na buli nzirugavu mu ndiga, n'eza bitanga n'eza bujagijagi mu mbuzi: era y'eneebanga empeera yange.
- 33 Bwe butyo obutuukirivu bwange bulimpolereza oluvannyuma, bw'olijja olw'empeera yange eri mu maaso go: buli eteri ya bujagijagi oba eya bitanga mu mbuzi, oba nzirugavu mu ndiga, eyo bw'erirabika nange eribalibwa nga nzibe.
- 34 Labbaani n'ayogera nti Laba, nandyagadde kibeere ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 35 N'aggyamu ku lunaku olwo embuzi ennume eza biwuuga n'eza bitanga n'embuzi enkazi zonna eza bujagijagi n'eza bitanga, buli eyaliko ebbala ejjeru, n'enzirugaw zonna mu ndiga, n'aziwa mu mukono gw'abaana be;
- 36 n'assaawo olugendo lwa nnaku ssatu wakati we ne Yakobo; Yakobo n'alunda ebisibo bya Labbaani ebyasigalawo.
- 37 Yakobo n'addirira obuti bw'omulibine omubisi, n'obw'omusakedi n'obw'omwalamoni; n'abusasambulako enguudo ezitukula, n'alabisa obutukuvu obwali ku buti.
- 38 N'asimba obuti bw'asasambudde mu maaso g'ebisibo ku mmanvu mu byesero eby'okunywezeamu ebisibo we byajja okunywa; ne ziwaka amawako bwe zajja okunywa.
- 39 Ebisibo ne biwakira mu maaso g'obuti, ebisibo ne bizaala eza biwuuga n'ezabujagijagi n'ezabitanga.
- 40 Yakobo n'ayawula mu baana, n'atunuzira amaaso g'ekisibo eri aba biwuuga, n'eri abaddugavu bonna ab'omu kisibo kya Labbaani; n'ayawulako ebisibo bye, n'atabigatta n'ekisibo kya Labbaani.
- 41 Awo olwatuuka ezaalina amaanyi mu kisibo bwe zaawakanga, Yakobo n'ateeka obuti mu maaso g'ekisibo mu byesero, ziwakire awali obuti;
- 42 naye ekisibo bwe kyabanga ekibi, n'atabussangawo; bwe zityo embi ze zaabanga eza Labbaani, n'ez'amaanyi nga ze za Yakobo.
- 43 Omusajja ne yeeyongerira nnyo, n'aba n'ebisibo binene, n'abazaana n'abaddu, n'eamira n'endogoyi.

Essuula 31

- 1 N'awulira ebigambo by'abatabani ba Labbaani, nga boogera nti Yakobo byonna ebyali ebya kitaffe abimuggyeeko; era mu ebyo ebyali ebya kitaffe mw'afunidde ekitiibwa ekyo kyonna.
- 2 Yakobo n'alaba amaaso ga Labbaani, era laba, nga tegakyafaanana gy'ali ng'olubereberye.
- 3 Mukama n'agamba Yakobo nti Ddayo mu nsi ya bajjajja bo, era eri baganda bo; nange naabeeranga wamu naawe.
- 4 Yakobo n'atuma n'ayita Laakeeri ne Leeya bajje mu ddundiro awali ekisibo kye,
- 5 n'abagamba nti Ndabye amaaso ga kitammwe nga tegakyafaanana gye ndi ng'olubereberye; naye Katonda wa kitange yabeeranga nange.

- 6 Era mumanyi nga naweerezanga kitammwe n'amaanyi gange gonna.
- 7 Era kitammwe yannimba, n'awaanyisanga empeera yange emirundi kkumi; naye Katonda teyamuganya kunkola bubi.
- 8 Bwe yayogeranga bw'ati nti Eza bujagijagi ze zinaabanga empeera yo; ekisibo kyonna ne kizaala eza bujagijagi: era bwe yayogeranga bw'ati nti Eza biwuuga ze zinaabanga empeera yo; ekisibo kyonna ne kizaala eza biwuuga.
- 9 Bw'atyo Katonda ensolo za kitammwe yazimuggyako n'aziwa nze.
- 10 Awo olwatuuka mu biro ekisibo bwe kyawaka amawako, ne nnyimusa amaaso gange, ne ndabira mu kirooto, era, laba, embuzi ennume ezaalinyira ekisibo zaali za biwuuga, n'eza bujagijagi, n'eza kiweewoweewo.
- 11 Malayika wa Katonda n'aambira mu kirooto nti Yakobo: ne njogera nti Nze nzuuno.
- 12 N'ayogera nti Yimusa kaakao amaaso go, olabe, embuzi zonna ennume ezirinnyira ekisibo za biwuuga, n'eza bujagijagi, n'eza kiweewoweewo: kubanga ndabye byonna Labbaani by'akukolera.
- 13 Nze Katonda w'e Beseri, gye wafukira amafuta ku mpagi, gye wanneeyamira obweyamo: kaakano golokoka, ove mu nsi eno, oddeyo mu nsi gye wazaalirwamu.
- 14 Laakeeri ne Leeya ne baddamu ne bamugamba nti Tukyalina omugabo oba obusika mu nnyumba ya kitaffe?
- 15 Tetubalibwa nga bannaggwanga gy'ali? kubanga yatutunda, era n'ebintu byaffe abiri-iridde ddala.
- 16 Kubanga obugagga bwonna Katonda bw'aggye ku kitaffe, bwe bwaffe era bwa baana baffe: kale kaakano, kyonna Katonda ky'akugambye, kikole.
- 17 Yakobo n'alyoka agolokoka, ne yeebagaza abaana be ne bakazi be ku amira;
- 18 n'atwala naye ebisibo bye byonna, n'ebintu byonna bye yali akuaanyizza, ebisibo bye yali afunye, bye yakuaanyiza mu Padanalaamu, agende eri Isaaka kitaawe mu nsi ya Kanani.
- 19 Labbaani yali agenze okusala ebyoya by'endiga ze: Laakeeri n'abba baterafi ba kitaawe.
- 20 Yakobo n'agenda mu kyama Labbaani Omusuuli nga tamanyi, kubanga teyamubuulira ng'adduka.
- 21 Bw'atyo n'adduka ne byonna bye yalina; n'agolokoka n'awunguka omugga, n'akyusa amaaso ge eri olusozi olwa Gireyaadi.
- 22 Ne babuulira Labbaani ku lunaku olw'okusatu nga Yakobo yadduka.
- 23 N'atwala naye baganda be, n'amugoberera olugendo lwa nnaku musaavu; n'amutuukako ku lusozi Gireyaadi.
- 24 Katonda n'ajjira Labbaani Omusuuli mu kirooto eky'ekiro, n'amugamba nti Weekuume oleme okwogera ne Yakobo newakubadde ebirungi newakubadde ebibi.
- 25 Labbaani n'atuuka ku Yakobo. Yakobo yali asimbye eweema ye ku lusozi; ne Labbaani ne baganda be ne basimba ku lusozi Gireyaadi.
- 26 Labbaani n'agamba Yakobo nti Wakola ki, okugenda ekyama nga simanyi, n'otwalira ddala abaana bange ng'abaanyagibwa n'ekitala?
- 27 Kiki ekyakuddusa ekyama ng'onkisa ng'ogenda; n'otombuulira, ndyoke nkusiibule n'ekinyumu n'ennyimba, n'ebitaasa n'ennanga;
- 28 n'otoanya kunywegera batabani bange ne bawala bange? kaakano okoze kya busirusiru.
- 29 Kiri mu buyinza bw'omukono gwange okukukola obubi: naye Katonda wa kitammwe yayogedde nange ekiro, nti Weekuume oleme okwogera ne Yakobo newakubadde ebirungi newakubadde ebibi.
- 30 Ne kaakano oyagala nnyo okugenda, kubanga olumirwa nnyo ennyumba ya kitaawo, (naye) kyewava obba bakatonda bange kiki?

- 31 Yakobo n'addamu n'agamba Labbaani nti Kubanga natya: kubanga nayogera nti Oleme okunziyako bawala bo olw'empaka.
- 32 Buli gw'onoolaba ng'alina bakatoada bo, taabe mulamu: mu maaso ga baganda baffe yawulamu ebibyo ebiri ewange, obyetwalire. Kubanga Yakobo yali tamanyi nga Laakeeri ye yababba.
- 33 Labbaani n'ayingira mu weema ya Yakobo, ne mu weema ya Leeya, ne mu weema ey'abazaana bombi; naye n'atabalaba. N'ava mu weema ya Leeya, n'ayingira mu weema ya Laakeeri.
- 34 Laakeeri yali atutte baterafi, n'abassa mu matandiiko g'eamira, n'abatuulako. Labbaani n'ayaza mu weema yonna, naye n'atabalaba.
- 35 N'agamba kitaawe nti Mukama wange aleme okusunguwala kubanga siyinda kukuyimirira w'oli kubanga ndi mu mpisa y'abakazi. N'anoonya, naye n'atalaba baterafi.
- 36 Yakobo n'asunguwala, n'ayomba ne Labbaani: Yakobo n'addamu n'agamba Labbaani nti Nsobezza ki? Nkoze kibi ki ekikungoberesezza embiro?
- 37 Kubanga oyazizza ebintu byange byonna, kiki ky'olabye ku bintu byonna eby'omu nnyumba yo? Kiteeke wano mu maaso ga baganda bange ne baganda bo, batusalire omusango fembi.
- 38 Emyaka egyo abiri nabeeranga naawe; endiga zo n'embuzi zo enkazi tezisowolanga, n'ennume ez'omu kisibo kyo siziryanga.
- 39 Eyataagulwanga ensolo saakuleeteranga; nze nnafirwanga eyo; wagivunaananga mu mukono gwange, obanga yabbibwanga misana oba yabbibwanga kiro.
- 40 Bwe nnaabeeranga bwe ntyo; emisana omusana gwanzigwerangako, n'ekiro empewo; n'otulo twambulanga mu maaso gange.
- 41 Emyaka egyo abiri nabeeranga mu nnyumba yo; nakuweererezanga emyaka kkumi n'ena olwa bawala bo bombi, n'emyaka mukaaga olw'ekisibo kyo; naawe wawaanyisanga empeera yange emirundi kkumi.
- 42 Singa Katonda wa kitange, Katonda wa Ibulayimu, era Entiisa ya Isaaka, teyabeeranga nange, kaakano tewandiremye kunsindika bwereere. Katonda alabye okubonaabona kwange n'okutegana kw'emikono gyange, n'akujunga ekiro.
- 43 Labbaani n'addamu n'agamba Yakobo nti Abawala be bawala bange, n'abaana be baana bange, n'ebisibo by'ebisibo byange, ne byonna by'olaba bye byange: ne leero nnyinza kukolera ki bawala bange bano, oba baana baabwe be baazaala?
- 44 Kale nno kaakano, tulagaane endagaano, nze naawe; ebeerenga omujulirwa eri nze naawe.
- 45 Yakobo n'addira ejjinja, n'alisimba okuba empagi.
- 46 Yakobo n'agamba baganda be nti Mukuaanye amayinja; ne baddira amayinja, ne bagatuuma entuumu: ne baliira awo awali entuumu.
- 47 Labbaani n'agituuma erinnya Yegalusakadusa: naye Yakobo n'agituuma Galeedi.
- 48 Labbaani n'ayogera nti Entuumu eno ye mujulirwa eri nze naawe leero. Erinnya lyayo kyeryava libeera Galeedi:
- 49 era Mizupa, kubanga yayogera nti Mukama atunulenga wakati wange naawe, bwe tuliba nga tetukyalabagana.
- 50 Bw'onoobonyaabonyanga abaana bange, era bw'onoowasanga abalala awali abaana bange, tewali muntu ali naffe; laba, Katonda ye mujulirwa wakati wange naawe.
- 51 Labbaani n'agamba Yakobo nti Laba entuumu eno, era laba n'empagi eno, gye nsimbye wakati wange naawe.
- 52 Entuumu eno eneebeeranga omujulirwa, n'empagi ebeerenga omujulirwa, nga nze siriyita ku ntuumu eno okugenda gy'oli, era nga naawe toliyita ku ntuumu eno n'empagi eno okujja gye ndi, okukola obubi.
- 53 Katonda wa Ibulayimu, era Katonda wa Nakoli, Katonda wa kitaabwe, alamule wakati

waffe. Yakobo n'alayira Entiisa ya kitaawe Isaaka.

- 54** Yakobo n'aweerayo saddaaka ku lusozi, n'ayita baganda be okulya emmere: ne balya emmere, ne babeera ku lusozi ne bakeesa obudde.
- 55** Awo enkya mu makya Labbaani n'agolokoka, n'anywegera batabani be ne bawala be n'abasabira omukisa: Labbaani n'agenda, n'addayo mu kifo kye.

Essuula 32

- 1** Yakobo ne yeegendera, ne bamalayika ba Katonda ne bamusisinkana.
- 2** Yakobo bwe yabalaba n'ayogera nti Lino lye ggye lya Katonda: n'atuuma ekifo ekyo erinnya lyakyo Makanayimu.
- 3** Yakobo n'atuma ababaka okumukulembera eri Esawu muganda we mu nsi ya Seyiri, ye nnimiro ya Edomu.
- 4** N'abalagira ng'ayogera nti Bwe muti bwe muligamba mukama wange Esawu; nti Bw'ati bw'ayogera omuddu wo Yakobo nti Natuulanga ne Labbaani, ne mbeerayo okutuusa kaakano:
- 5** era nnina ente n'endogoyi, n'ebisibo, n'abaddu n'abazaana: era ntumye okubuulira mukama wange, ndabe ekisa mu maaso go.
- 6** Ababaka ne bakomawo eri Yakobo nga boogera nti Twatuuka eri muganda wo Esawu, era ajja okukusisinkana, n'abasajja bina wamu naye.
- 7** Yakobo n'alyoka atya nnyo ne yeeraliikirira: n'ayawulamu abantu abaali naye, n'ebisibo, n'ente, n'eamira, okuba ebibiina bibiri;
- 8** n'ayogera nti Esawu bw'anaatuukira ku kibiina ekimu n'akikuba, ekibiina ekinaasigalawo kinaawona.
- 9** Yakobo n'ayogera nti Ai Katonda wa jjajja wange Ibulayimu, era Katonda wa kitange Isaaka, ai Mukama, eyaamba nti Ddayo mu nsi y'ewammwe era eri baganda bo, nange naakukolanga bulungi:
- 10** sisaanira (newakubadde) akatono mu kusaasira kwonna, n'amazima gonna, bye wagiriranga omuddu wo; kubanga nawunguka Yoludaani guno nga nnina muggo gwokka; ne kaakano nfuuse ebibiina bibiri.
- 11** Nkwegayirira, mponya mu mukono gwa muganda wange, mu mukono gwa Esawu: kubanga mmutya, aleme okujja okunzita, ne bannyaabwe n'abaana baabwe.
- 12** Naawe wayogera nti Siiremenga kukukola bulungi, era naafuulanga ezzadde lyo ng'omusenyu ogw'oku nnyanja, ogutabalika olw'obungi.
- 13** N'asula awo ekiro ekyo: n'atoola ku ebyo bye yali nabyo okuba ekirabo kya Esawu muganda we;
- 14** embuzi enkazi bibiri n'ennume abiri; endiga enkazi bibiri n'ennume abiri;
- 15** eamira eziramulwa asatu n'abaana baazo; ente enkazi ana n'eza seddume kkumi, endogoyi enkazi abiri n'abaana baazo kkumi.
- 16** N'abiwa mu mukono gw'abbadu be, buli kisibo kyokka; n'agamba abaddu be nti Munkulembere musomoke, musseewo ebbanga wakati w'ekisibo n'ekisibo.
- 17** N'alagira eyakulembera ng'ayogera nti Esawu muganda wange bw'anaakusisinkana, n'akubuuza nti Oli w'ani? era ogenda wa? n'ebyo ebiri mu maaso go by'ani?
- 18** n'olyoka ogamba nti Bya muddu wo Yakobo; kye kirabo ekiweerezebbwa mukama wange Esawu; era, laba, naye ali nnyuma waffe.
- 19** Era n'alagira n'ow'okubiri n'ow'okusatu ne bonna abaagoba ebisibo, ng'ayogera nti Bwe muti bwe munaagamba Esawu, bwe munaamulaba.
- 20** Era munaayogera nti Era, laba, omuddu wo Yakobo ali nnyuma waffe: Kubanga yayogera nti Naamuwooyawooya n'ekirabo ekinankulembera ne ndyoka mmulaba amaaso ge; mpozzi anannyaniriza.

- 21 Awo ekirabo ne kimukulembera ne kisomoka: naye ye yennyini n'asula ekiro ekyo wamu n'ekibiina.
- 22 N'agolokoka ekiro ekyo, n'addirira bakazi be bombi, n'abazaana be bombi, n'abaana be ekkumi n'omu, n'asomokera mu musomoko gw'e Yaboki.
- 23 N'abatwala, n'abasomosa omugga, n'asomosa byonna bye yalina.
- 24 Yakobo n'asigalayo yekka; omusajja n'ameggana naye okutuusa emmambya bwe yasala.
- 25 Era bwe yalaba nga tajja kumumegga, n'akoma ku mbalakaso ye; embalakaso ya Yakobo ne yeereega, ng'ameggana naye.
- 26 N'ayogera nti Nta, kubanga emmambya esala. N'ayogera nti Sijja kukuta, wabula ng'ompadde omukisa.
- 27 N'amugamba nti Erinnya lyo ggwe ani? N'ayogera nti Yakobo.
- 28 N'ayogera nti Erinnya lyo terikyayitibwanga Yakobo, wabula Isiraeri: kubanga owakanye ne Katonda era n'abantu, era osinze.
- 29 Yakobo n'amubuuza n'ayogera nti Nkwegayiridde, mbuulira erinnya lyo. N'ayogera nti Kiki ekikumbuuzisa erinnya lyange? N'amuweera eyo omukisa.
- 30 Yakobo n'atuuma ekifo erinnya lyakyo Penieri: kubanga ndabagaaye ne Katonda mu maaso, n'obulamu bwange buwonye.
- 31 Enjuba n'evaayo n'emwakako ng'awunguka Penueri, n'awenyera olw'ekisambi kye.
- 32 Abaana ba Isiraeri kyebava balema okulya ekinywa ky'ekisambi ekiri ku mbalakaso, okutuusa leero: kubanga yakoma ku mbalakaso ya Yakobo mu kinywa ky'ekisambi.

Essuula 33

- 1 Yakobo n'ayimusa amaaso ge, n'atunula, era, laba, Esawu ng'ajja, n'abasajja bina wamu naye. N'agabira abaana Leeya ne Laakeeri n'abazaana bombi.
- 2 N'ateeka abazaana n'abaana baabwe mu maaso, n'abaddiriza Leeya n'abaana be, n'aviisaako ennyuma Laakeeri ne Yusufu.
- 3 Naye ye yennyini n'akulembera mu maaso gaabwe, n'avuunama emirundi musanvu, okutuusa bwe yasemberera muganda we.
- 4 Esawu n'addukana mbiro okumusisinkana, n'amukwata mu ngalo, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera: ne bakaaba amaziga.
- 5 N'ayimusa amaaso ge, n'alaba abakazi n'abaana; n'ayogera nti Baani bano abali naawe? N'ayogera nti Abo be baana Katonda be yawa omuddu wo olw'ekisa.
- 6 Abazaana ne balyoka basembera, bo n'abaana baabwe, ne bavuunama.
- 7 Era ne Leeya n'abaana be ne basembera, ne bavuunama: Yusufu ne Laakeeri ne balyoka basembera, ne bavunama.
- 8 N'ayogera nti Ekibiina ekyo kyonna kye nsisinkanye amakulu gaakyo kiki? N'ayogera nti Okulaba ekisa mu maaso ga mukama wange.
- 9 Esawu n'ayogera nti Bye nnina bimmala; muganda wange, by'olina bibe bibyo.
- 10 Yakobo n'ayogera nti Nedda, nkwegayiridde, kaakano oba nga ndabye ekisa mu maaso go, kkiriza ekirabo kyange mu mukono gwange: kubanga ndabye amaaso go, ng'omuntu bw'alaba amaaso ga Katonda, n'onsanyukira.
- 11 Nkwegayiridde, toola ekirabo kyange kye bakuleetedde; kubanga Katonda ankoledde eby'ekisa, era kubanga bye nnina bimmala. N'amwegayirira, n'akitwala.
- 12 N'ayogera nti Tukwate ekkubo tugende, nange naakukulembera.
- 13 N'amugamba nti Mukama wange amanyi ng'abaana tebalina maanyi, era ng'endiga n'ente eziri nange ziyonsa: era bwe balibigoba ennyo ku lunaku olumu, ebisibo byonna birifa.
- 14 Nkwegayiridde, mukama wange akulembere omuddu we: nange naagenda mpola,

ng'okutambula kw'ensolo eziri mu maaso gange era ng'okutambula kw'abaana bwe kuli, ntuuke awali mukama wange mu Seyiri.

- 15 Esawu n'ayogera nti Ka nkulekere kaakano ku bantu abali nange. N'ayogera nti Si nsonga: ndabe ekisa mu maaso ga mukama wange.
- 16 Awo Esawu n'addayo ku lunaku olwo ng'agenda e Seyiri.
- 17 Yakobo n'atambula n'agenda e Sukkosi, ne yeezimbirira ennyumba, n'akolera ensolo ze engo; erinnya ly'ekifo kyeriva liyitibwa Sukkosi.
- 18 Yakobo n'atuuka mirembe mu kibuga kya Sekemu, ekiri mu nsi ya Kanani, bwe yava mu Padanalaamu; n'asiisira mu maaso g'ekibuga.
- 19 N'agula ekibanja, gye yasimba eweema ye, mu mukono gw'abaana ba Kamoli, kitaawe wa Sekemu, n'ebitundu by'effeeza kikumi.
- 20 N'asimbayo ekyoto, n'akituuma erinnya lyakyo Ererokeyisiraeri.

Essuula 34

- 1 Dina omwana wa Leeya, gwe yazaalira Yakobo, n'afuluma n'agenda okulaba abawala ab'omu nsi.
- 2 Sekemu omwana wa Kamoli Omukiivi, omukulu w'ensi, n'amulaba; n'amutwala, n'asula naye, n'amwata.
- 3 N'obulamu bwe ne bwegatta ne Dina omwana wa Yakobo, n'ayagala omuwala oyo, n'ayogera n'omuwala n'ekisa.
- 4 Sekemu n'agamba kitaawe Kamoli nti Mpasiza omuwala oyo.
- 5 Yakobo n'awulira nga yagwagwawaza Dina omwana we; n'abaana be baali n'ensolo ze mu ddundiro: Yakobo n'asirika okutuusa lwe badda.
- 6 Kamoli kitaawe wa Sekemu n'afuluma eri Yakobo okuteesa naye.
- 7 Abaana ba Yakobo ne bava mu ddundiro ne bayingira bwe baakiwulira: abasajja ne banakuwala, ne basunguwala nnyo, kubanga yali akoze eky'omuzizo mu Isiraeri bwe yasula n'omwana wa Yakobo; ekitagwanira kukola.
- 8 Kamoli n'ateesa nabo ng'ayogera nti Obulamu bw'omwana wange Sekemu bulumirwa omuwala wammwe: mbeegayirira mumumuwe okumuwasa.
- 9 Era mufumbiriganwenga naffe: mutuwenga ffe abawala bammwe, era muwasenga mmwe abawala baffe.
- 10 Era munaatuulanga wamu naffe: n'ensi eneebanga mu maaso gammwe; mutuulenga omwo mugulenga mwefunirenga ebintu omwo.
- 11 Sekemu n'agamba kitaawe ne baganda be nti Ndabe ekisa mu maaso gammwe, era kye munansalira kye nnaabawa.
- 12 Eby'obuko n'ekirabo bye munansaba bwe binenkana wonna, nange naabawa bwe ntyo nga bwe munaamba: naye mumpe omuwala okumuwasa.
- 13 Abaana ba Yakobo ne baddamu Sekemu ne Kamoli kitaawe nga bakuusa ne boogera, kubanga yali agwagwawazizza Dina mwannyinaabwe,
- 14 ne babagamba nti Tetuyinza kukola kino, okumuwa mwannyinaffe atali mukomole; kubanga ekyo kyandibadde nsonyi gye tuli:
- 15 endagaano eno yokka ye eja okubatukkirizisa: bwe munakkiriza okuba nga ffe, buli musajja mummwe okukomolebwanga;
- 16 ne tulyoka tubawanga abawala baffe, naffe tunaawasanga abawala bammwe, naffe tunaatuulanga wamu nammwe, era tulifuuka ggwanga limu.
- 17 Naye bwe mutaatuwulire, okukomolebwa; olwo tunaatwala omuwala waffe, ne tugenda.
- 18 Ebigambo byabwe ne bisanyusa Kamoli, ne Sekemu omwana wa Kamoli.
- 19 Omuvubuka n'atalwawo kukola ekyo, kubanga yasanyukira omuwala wa Yakobo: era

yalina ekitiibwa okusinga ennyumba yonna eya kitaawe.

- 20 Kamoli ne Sekemu omwana we ne bajja mu wankaaki w'ekibuga kyabwe, ne bateesa n'abasajja ab'omu kibuga kyabwe, nga boogera
- 21 nti Abasajja abo tebaagala kulwana naffe; kale batuulenga mu nsi bagulenga omwo; kubanga, laba, ensi ngazi, eribamala; ffe tuwasenga abawala baabwe, era tubawenga bo abawala baffe,
- 22 Endagaano eno yokka ye ejja okubakkirizisa abasajja abo ffe okutuula nabo, okufuuka eggwanga erimu, buli musajja mu ffe bw'alikomolebwa, nga bo bwe bakomolebwa.
- 23 Ente zaabwe n'ebintu byabwe n'ensolo zaabwe zonna tebiriba byaffe? naye kyokka tubakkirize, nabo banaatuulanga naffe.
- 24 Ne Kamoli ne Sekemu omwana we bonna abaavanga mu wankaaki w'ekibuga kye ne babawulira; buli musajja n'akomolebwa, buli eyavanga mu wankaaki w'ekibuga.
- 25 Awo olwatuuka ku lunaku olw'okusatu, bwe baali nga balumwa, abaana ba Yakobo ababiri, Simyoni ne Leevi, bannyina Dina, ne baddira buli muntu ekitala kye, ne bazinduukiriza ekibuga, ne batta abasajja bonna.
- 26 Ne batta Kamoli ne Sekemu omwana we n'ekitata, ne baggya Dina mu nnyumba ya Sekemu, ne bavaayo.
- 27 Abaana ba Yakobo ne babasanga nga babasse, ne banyaga ekibuga, kubanga baagwagwawaza mwannyinaabwe.
- 28 Baanyaga endiga zaabwe n'embuzi zaabwe n'endogoyi zaabwe, n'ebyo ebyali mu kibuga, n'ebyo ebyali mu nmiro:
- 29 n'obugagga bwabwe bwonna, n'abaana baabwe bonna abato n'abakazi baabwe, ne babasiba ne babanyaga, byonna ddala ebyali mu mayumba.
- 30 Yakobo n'agamba Simyoni ne Leevi nti Munneeraliikirizza, okumpunyisa mu abo abatuula mu nsi, mu Bakanani ne mu Baperizi: nange, kubanga omuwendo gwange mutono, balikuaana bonna okunnumba, balinkuba: nange ndizikirizibwa, nze n'ennyumba yange.
- 31 Ne boogera nti Kirungi akole mwannyinaffe ng'omwenzi?

Essuula 35

- 1 Katonda n'agamba Yakobo nti Golokoka, oyambuke e Beseri, otuule eyo: ozimbire eyo ekyoto eri Katonda, eyakulabikira bwe wadduka amaaso ga Esawu muganda wo.
- 2 Yakobo n'alyoka agamba ab'omu nnyumba ye n'abo bonna abaali naye nti Muggy-eewo bakatonda abalala abali mu mmwe, mwetukuze, muwaanyise ebyambalo byammwe:
- 3 tugolokoke, twambuke e Beseri: nange ndizimbira eyo ekyoto eri Katonda, eyanzi-ramu ku lunaku olw'okweraliikirira kwange, era eyabanga nange mu kkubo lye nnatambuliramu.
- 4 Ne bawa Yakobo bakatonda abalala bonna abaali mu mukono gwabwe, n'empeta ezaali mu matu gaabwe; Yakobo n'abikweka wansi w'omwera ogwali mu Sekemu.
- 5 Ne batambula: n'entiisa ennyingi n'egwa ku bibuga ebyabeetooloola, ne batagoberera baana ba Yakobo.
- 6 Awo Yakobo n'atuuka e Luzi, ekiri mu nsi ya Kanani (ye Beseri), ye n'abantu bonna abaali naye.
- 7 N'azimbira eyo ekyoto, n'ayita ekifo Erubeseri: kubanga eyo Katonda gye yamubikkulirwa, bwe yadduka amaaso ga muganda we.
- 8 Debola, omulezi wa Lebbeeka, n'afa, ne bamuziika emmanga wa Beseri wansi w'omwera: ne bagutuuma erinnya Alooninakusi.
- 9 Katonda n'alabikira nate Yakobo, bwe yava mu Padanalaamu, n'amuwa omukisa.

- 10 Katonda n'amugamba nti Erinnya lyo Yakobo: erinnya lyo tokyayitibwa nate Yakobo, naye Isiraeri lye linaabanga erinnya lyo: n'amutuuma erinnya Isiraeri.
- 11 Katonda n'amugamba nti Nze Katonda Omuyinza w'ebintu byonna: oyale weeyongerenga; eggwanga n'ekibiina eky'amawanga biriva mu ggwe, ne bakabaka baliva mu ntumbwe zo;
- 12 n'ensi gye nnawa Ibulayimu ne Isaaka, ndigikuwa ggwe, n'ezzadde lyo eririddawo ndiriwa ensi.
- 13 Katonda n'ava gy'ali n'alinnya, mu kifo mwe yayogerera naye.
- 14 Yakobo n'asimba empagi mu kifo mwe yayogerera naye, empagi ey'amayinja: n'agifukako ekiweebwayo ekyokunywa, n'agifukako amafuta.
- 15 Yakobo n'atuuma ekifo Katonda mwe yayogerera naye erinnya lyakyo Beseri.
- 16 Ne bava mu Beseri ne batambula; baali babulako ekiseera batuuke e Efulasi: Laakeeri n'ayagala okuzaala, n'alumwa nnyo.
- 17 Awo olwatuuka, bwe yali alumwa nnyo, omuzaalisa n'amugamba nti Totya; kubanga kaakano onoozaala omwana ow'obulenzi omulala.
- 18 Awo olwatuuka, obulamu bwe bwali nga bunaatera okugenda (kubanga yafa), n'amutuuma erinnya Benoni: naye kitaawe n'amutuuma Benyamini.
- 19 Laakeeri n'afa, ne bamuziika mu kkubo erigenda e Efulasi (ye Besirekemu).
- 20 Yakobo n'asimba empagi ku malaalo ge: eyo ye mpagi ey'amalaalo ga Laakeeri ne leero.
- 21 Isiraeri n'atambula, n'asimba eweema ye ng'ayise ku kigo kya Ederi.
- 22 Awo olwatuuka, Isiraeri bwe yali ng'atudde mu nsi eyo, Lewubeeni n'agenda n'asula ne Bira omuzaana wa kitaawe: Isiraeri n'akiwulirako. Batabani ba Yakobo baali kkumi na babiri:
- 23 abaana ba Leeya; Lewubeeni, omubereberye wa Yakobo, ne Simyoni, ne Leevi, ne Yuda, ne Isakaali, ne Zebbulooni:
- 24 abaana ba Laakeeri; Yusufu, ne Benyamini:
- 25 n'abaana ba Bira, omuzaana wa Laakeeri; Ddaani ne Nafutaali:
- 26 n'abaana ba Zirupa, omuzaana wa Leeya; Gaadi ne Aseri: abo be batabani ba Yakobo, abaamuzaalirwa mu Padanalaamu.
- 27 Yakobo n'ajja eri Isaaka kitaawe mu Mamule, mu Kiriasualaba (ye Kebbulooni), Ibulayimu ne Isaaka mwe baatuulanga.
- 28 N'ennaku za Isaaka zaali myaka kikumi mu kinaana.
- 29 Isaaka n'ata omukka, n'afa, n'atwalibwa eri abantu be, ng'akaddiye, ng'awezezza ennaku nnyingi: Esawu ne Yakobo abaana be ne bamuziika.

Essuula 36

- 1 N'okuzaala kwa Esawu (ye Edomu) kwe kuno.
- 2 Esawu yawasa ku bawala ba Kanani; Ada muwala wa Eroni Omukiiti, ne Okolibama muwala wa Ana, omuwala wa Zibyoni Omukiivi;
- 3 ne Basimansi omuwala wa Isimaeri, muganda wa Nebayoosi.
- 4 Ada n'azaalira Esawu Erifaazi; ne Basimansi n'azaala Leweri:
- 5 ne Okolibama n'azaala Yewusi, ne Yalamu, ne Koola: abo be batabani ba Esawu, abaamuzaalirwa mu nsi ya Kanani.
- 6 Esawu n'addira bakazi be ne batabani be ne bawala be, n'abantu bonna abaali mu nnyumba ye, n'ebisibo bye n'ensolo ze zonna, n'ebintu bye byonna, bye yakuaanyiza mu nsi ya Kanani; n'agenda mu nsi endala n'abeera wala ne muganda we Yakobo.
- 7 Kubanga ebintu byabwe byali bingi bwe biti n'okuyinza tebaayinza kutuula wamu; n'ensi gye baatuulamu teyabayinza olw'ebisibo byabwe.

- 8 Esawu n'atuula ku lusozi Seyiri: Esawu ye Edomu.
- 9 N'olulyo lwa Esawu jjajja wa Abaedomu abaali ku lusozi Seyiri lwe luno:
- 10 batabani ba Esawu amannya gaabwe ge gano: Erifaazi omwana wa Ada omukazi wa Esawu, Leweri omwana wa Basimansi omukazi wa Esawu.
- 11 Ne batabani ba Erifaazi Temani, Omali, Zefo, ne Gatamu, ne Kenazi.
- 12 Ne Timuna yali muzaana wa Erifaazi omwana wa Esawu; n'azaalira Erifaazi Amaleki; abo be baana ba Ada omukazi wa Esawu.
- 13 N'abaana ba Leweri baabano; Nakasi, ne Zeera, Samma, ne Mizza: abo be baali abaana ba Basimansi omukazi wa Esawu.
- 14 N'abaana ba Okolibama omwana wa Ana, omwana wa Zibyoni, omukazi wa Esawu: n'azaalira Esawu Yewusi, ne Yalamu, ne Koola.
- 15 Abaana ba Esawu abaalya obwami baabano: abaana ba Erifaazi omubereberye wa Esawu; omukungu Temani, omukungu Omali, omukungu Zefo, omukungu Kenazi,
- 16 omukungu Koola, omukungu Gatamu, omukungu Amaleki: abo be bakungu abaava mu Erifaazi mu nsi ya Edomu; abo be baana ba Ada.
- 17 N'abaana ba Leweri omukungu wa Esawu baabano; omukungu Nakasi, omukungu Zecra, omukungu Samma, omukungu Mizza: abo be bakungu abaava mu Leweri mu nsi ya Edomu; abo be baana ba Basimansi omukazi wa Esawu.
- 18 N'abaana ba Okolibama omukazi wa Esawu baabano; omukungu Yewusi, omukungu Yalamu, omukungu Koola: abo be bakungu abaava mu Okolibama omuwala wa Ana, mukazi wa Esawu.
- 19 Abo be baana ba Esawu, n'abo be bakungu baabwe: oyo ye Edomu.
- 20 Abaana ba Seyiri Omukooli, be baatuulanga mu nsi, baabano; Lotani ne Sobali ne Zibyoni ne Ana,
- 21 ne Disoni ne Ezeri ne Disani: abo be baami abaava mu Bakoli, be baana ba Seyiri mu nsi ya Edomu.
- 22 N'abaana ba Lotani be bano Koli ne Kemamu; ne mwannyina Lotani ye Timuna.
- 23 N'abaana ba Sobali baabano; Aluvani ne Manakasi ne Ebali, Sefo ne Onamu.
- 24 N'abaana be Zibyoni baabano; Aya ne Ana: Ana ye oyo eyalaba enzizi z'amazzi agabuguma mu ddungu, bwe yali alunda endogoyi za Zibyoni kitaawe.
- 25 N'abaana ba Ana baabano; Disoni ne Okolibama omuwala wa Ana.
- 26 N'abaana ba Disoni baabano; Kemudaani ne Esubani ne Isulani ne Kerani.
- 27 Abaana ba Ezeri baabano; Birani ne Zaavani ne Akani.
- 28 Abaana ba Disani baabano; Uzi ne Alani.
- 29 Abaami abaava mu Bakooli baabano; omwami Lotani, omwami Sobali, omwami Zibyoni, omwami Ana,
- 30 omwami Disoni, omwami Ezeri, omwami Disani: abo be baami abaava mu Bakoli, ng'abaami baabwe bwe baali mu nsi ya Seyiri.
- 31 Ne bassekabaka abaafuga mu nsi ya Edomu, nga tewannafuga kabaka yenna abaana ba Isiraeri, baabano.
- 32 Bera omwana wa Byoli n'afuga mu Edomu; n'ekibuga kye erinnya lyakyo Dinukaba.
- 33 Bera n'afa, Yobabu omwana wa Zeera ow'e Bozula n'alya obwakabaka mu kifo kye.
- 34 Yobabu n'afa, Kusamu ow'ensi ya Abatemami n'alya obwakabaka mu kifo kye.
- 35 Kusamu n'afa, Kadadi omwana wa Bedadi, eyakuba Midiyaani mu nnimiro ya Mowaabu, n'alya obwakabaka mu kifo kye: n'ekibuga kye erinnya lyakyo Avisi.
- 36 Kadadi n'afa, Samula ow'e Masuleka n'alya obwakabaka mu kifo kye.
- 37 Samula n'afa, Sawuli ow'e Lekobosi ekiriraana n'omugga n'alya obwakabaka mu kifo kye.
- 38 Sawuli n'afa, Baalukanani omwana wa Akubooli n'alya obwakabaka mu kifo kye.
- 39 Baalukanani omwana wa Akubooli n'afa, Kadali n'alya obwakabaka mu kifo kye:

n'ekibuga kye erinnya lyakyo Pawu; ne mukazi we erinnya lye Meketaberi, omwana wa Matuledi, omwana wa Mezakabu.

- 40 N'amannya g'abaami abaava mu Esawu, ng'ebika byabwe, n'ebifo byabwe, n'amannya gaabwe bwe biri, gaagano; omwami Timuna, omwami Aluva, omwami Yesesi;
- 41 omwami Okolibama, omwami Era, omwami Pinoni;
- 42 omwami Kenazi, omwami Temani, omwami Mibuzali;
- 43 omwami Magudyeri, omwami Iramu: abo be baami ba Edomu, nga bwe baatuulanga mu nsi ey'obutaka bwabwe. Oyo ye Esawu jjajja wa Abaedomu.

Essuula 37

- 1 Yakobo n'abeeranga mu nsi kitaawe mwe yatuulanga mu nsi ya Kanani.
- 2 Okuzaala kwa Yakobo kuukuno. Yusufu bwe yali yaakamaze emyaka kkumi na musanvu, yali alunda ekisibo awamu ne baganda be: omulenzi n'abanga wamu n'abaana ba Bira, n'abaana ba Zirupa, abakazi ba kitaawe: Yusufu n'abuuliranga kitaabwe ebigambo byabwe ebibi.
- 3 Era Isiraeri yayagala Yusufu okusinga abaana be bonna, kubanga gwe yazaala ng'akaddiye: n'amutungira ekizibawo eky'amabala amangi.
- 4 Baganda be ne balaba nga kitaawe yamwagala okusinga baganda be bonna; ne bamukyawa, ne batayinza kwogera naye wabula eby'okuyomba.
- 5 Yusufu n'aloota ekirooto, n'akibuulira baganda be: ne beeyongera nate okumukyawa.
- 6 N'abagamba nti Mbeegayiridde, muwulire ekirooto kino kye ndoose:
- 7 kubanga, laba, twali tusiba ebinywa mu nnimiro, era laba, ekinywa kyange ne kiyimirira, era ne kyesimba; era, laba, ebinywa bwammwe ne bijja ne bikyetooloola, ne bivuunamira ekinywa kyange.
- 8 Baganda be ne bamugamba nti Okufuga olitufuga ggwe? oba kutwala olitutwala ggwe? Ne beeyongera nate okumukyawa olw'ebirooto bye n'olw'ebigambo bye.
- 9 N'aloota nate ekirooto ekirala, n'akibuulira baganda be n'ayogera nti Laba, ndoose n'ekirooto ekirala; era, laba, enjuba n'omwezi n'emmunyeenye ekkumi n'emu ne binvuunamira.
- 10 N'akibuulira kitaawe ne baganda be; kitaawe n'amunonya, n'amugamba nti Kirooto ki kino ky'oloose? Nze ne nnyoko ne baganda bo okujja tulijja okukuvuunamira?
- 11 Baganda be ne bamukwatirwa obugya; naye kitaawe n'ajjukira ebyo bye yayogera.
- 12 Baganda be ne baganda okulunda ekisibo kya kitaabwe mu Sekemu.
- 13 Isiraeri n'agamba Yusufu nti Baganda bo tebalunda kisibo mu Sekemu? jjangu nkutume gye bali. N'amugamba nti Nze nzuuno.
- 14 N'amugamba nti Genda kaakano olabe nga baganda bo gyebali balungi, era n'ekisibo nga gyekiri kirungi; okomewo ombuulire. Awo n'amutuma okuva mu kiwonvu eky'e Kebbulooni, n'atuuka e Sekemu.
- 15 Omusajja n'amulaba, era, laba, yali akyamidde mu nsiko: omusajja n'amubuuza nti Onoonya ki?
- 16 N'ayogera nti Nnoonya baganda bange: mbuulira, nkwegayiridde, gye balundidde ekisibo.
- 17 Omusajja n'ayogera nti Baagenda: kubanga nabawulira nga boogera nti Tugende e Dosani. Yusufu n'agoberera baganda be, n'abasanga mu Dosani.
- 18 Ne bamulengera ng'akyali wala, ne bamwekobaana nga tannabasemberera okumutta.
- 19 Ne bagambagana nti Laba, sekalooteera wuuyo ajja.
- 20 Kale nno mujje tumutte, tumusuule mu bumu ku bunny, tulyogera nti Ensolo enkambwe ye yamulya: ne tulyoka tulaba ebirrooto bye bwe biriba.
- 21 Lewubeeni n'awulira ekyo, n'amuwonya mu mukono gwabwe; n'ayogera nti Tuleme

okumuttira ddala.

- 22 Lewubeeni n' abagamba nti Temuyiwa musaayi; mumusuule mu bunny bunu obuli mu ddungu, naye temumussaako mukono: alyoke amuwonye mu mukono gwabwe, okumuddiza kitaawe.
- 23 Awo olwatuuka, Yusufu bwe yatuuka eri baganda be, ne bambula Yusufu ekizibawo kye, ekizibawo eky'amabala amangi kye yali ayambadde;
- 24 ne bamutwala ne bamusuula mu bunny: n' obunnya bwali bukalu nga temuli mazzi.
- 25 Ne batuula okulya emmere: ne bayimusa amaaso gaabwe ne batunula, era, laba, ekibiina ky' Abaisimaeri abaava mu Gireyaadi nga batambula, nga balina eamira ezeetisse eby' akaloosa n' envumbo ne moli, nga babitwala mu Misiri.
- 26 Yuda n' agamba baganda be nti Kiritugasa kitya okutta muganda waffe n' okukisa omusaayi gwe?
- 27 Kale ttumuguze Abaisimaeri, so omukono gwaffe guleme okumubaako; kubanga ye muganda waffe, gwe mubiri gwaffe. Baganda be ne bamuwulira.
- 28 Abamidiyaani, ab' obuguzi, ne bayitawo; ne bawalula Yusufu ne bamuggya mu bunny, ne baguza Abaisimaeri Yusufu ebitundu by' effeeza amakubi abiri. Ne batwala Yusufu mu Misiri.
- 29 Lewubeeni n' addayo eri obunnya; era, laba, Yusufu teyali mu bunny; n' ayuzaayuzza engoye ze.
- 30 N' addayo eri baganda be, n' ayogera nti Omwana taliyo; nange ndigenda wa?
- 31 Ne baddira ekizibawo kya Yusufu, ne batta embuzi ennume, ne bannyika ekizibawo mu musaayi;
- 32 ne baweereza ekizibawo eky'amabala amangi, ne bakireetera kitaabwe; ne boogera nti Twalaba kino: kaakano tegeera obanga kye kizibawo eky' omwana wo nantiki si kyo.
- 33 N' akitegeera, n' ayogera nti Kye kizibawo eky' omwana wange; ensolo embi yamulya; Yusufu yataagulwataagulwa awatali kubuusabuusa.
- 34 Yakobo n' ayuzaayuzza engoye ze, ne yeesiba ebibukutu mu kiwato, n' akungubagira omwana we ennaku nnyingi.
- 35 Batabani be bonna ne bawala be bonna ne bagolokoka okumusanyusa; naye n' agaana okusanyusibwa; n' ayogera nti Kubanga ndikka emagombe awali omwana wange nga nkyakaaba. Kitaawe n' amulirira amaziga.
- 36 Abamidiyaani ne bamuguza Potifali mu Misiri, ye mwami wa Falaawo, omukulu w' abambowa.

Essuula 38

- 1 Awo olwatuuka mu biro ebyo Yuda n' ava mu baganda be n' aserengeta, n' ayingira mu nnyumba ey' omu Adulamu, erinnya lye Kira.
- 2 Yuda n' alabayo omukazi omwana w' Omukanani erinnya lye Suwa; n' amutwala, n' ayingira gy' ali.
- 3 N' aba olubuto, n' azaala omwana ow' obulenzi; Yuda n' amutuuma erinnya Eri.
- 4 N' aba olubuto nate, n' azaala omwana ow' obulenzi; n' amutuuma erinnya Onani.
- 5 Era nate n' azaala omwana ow' obulenzi, n' amutuuma erinnya Seera: ne Yuda yali mu Kezibi, bwe yamuzaala.
- 6 Yuda n' awasiza Eri omwana we omubereberye omukazi, erinnya lye Tamali.
- 7 Ne Eri, omubereberye wa Yuda, yali mubi mu maaso ga Mukama; Mukama n' amutta.
- 8 Yuda n' agamba Onani nti Yingira eri omukazi wa muganda wo, omuwase nga bwe kigwanira muganda wa bba, oddizeewo muganda wo ezzadde.
- 9 Onani n' ategeera ng' ezzadde teririba lirye; awo olwatuuka bwe yayingira eri omukazi wa muganda we, n' agafuka wansi, aleme okuwa muganda we ezzadde.

- 10 N'ekigambo kye yakola kyali kibi mu maaso ga Mukama: n'oyo n'amutta.
- 11 Yuda n'alyoka agamba Tamali muka mwana we nti Beerera awo nnamwandu mu nnyumba ya kitaawo, okutuusa Seera omwana wange lw'alimala okukula: kubanga yayogera nti N'oyo aleme okufa nga baganda be. Tamali n'agenda n'abeera mu nnyumba ya kitaawe.
- 12 Ebiro ne biyitawo omuwala wa Suwa, omukazi wa Yuda, n'afa; Yuda n'ayabya olumbe, n'ayambuka, ye ne mukwano gwe Kira Omwadulamu, e Timuna eri basajja be abasala endiga ebyoya.
- 13 Ne babuulira Tamali nti Laba, ssezaala wo ayambuka e Timuna okusala endiga ze ebyoya.
- 14 N'ayambulamu ebyambalo eby'obwannamwandu bwe, ne yeebikka olugoye olw'oku mutwe, ne yeewumba, n'atuula mu mulyango gwa Enayimu, ekiri ku kkubo erigenda e Timuna; kubanga yalaba nga Seera amaze okukula, ne batamumuwa okumuwasa.
- 15 Yuda bwe yamulaba, n'alowooza nga mwenzi; kubanga yali yeebisse mu maaso.
- 16 N'akyamira gy'ali okuva mu kkubo n'ayogera nti Kale nno, nkwegayiridde, nnyingire gy'oli: kubanga teyamanya nga ye muka mwana we. N'ayogera nti Onompa ki bw'onooyingira gye ndi?
- 17 N'ayogera nti Ndikuweereza omwana gw'embuzi ogw'omu kisibo. N'ayogera ati Onompa omusingo, okutuusa lw'oliguweereza?
- 18 N'ayogera nti Musingo ki gwe nnaakuwa? N'ayogera nti akabonero ko n'akajegere ko, n'omuggo gwo oguli mu mukono gwo. N'abimuwa, n'ayingira gy'ali, naye n'aba olubuto olulwe.
- 19 N'agolokoka, ne yeegendera, n'ayambulamu olw'okubikka ku mutwe, n'ayambala ebyambalo eby'obunnamwandu bwe.
- 20 Yuda n'aweereza omwana gw'embuzi mu mukono gwa mukwano gwe Omwadulamu, okuweebwa, omusingo mu mukono gw'omukazi: naye n'atamulaba.
- 21 N'alyoka abuuza abasajja ab'ekifo kye nti Omwenzi ali ludda wa eyali e Nayimu ku mabbali g'ekkubo? Ne boogera nti Tewabanga wano mwenzi.
- 22 N'addayo eri Yuda, n'ayogera nti Simulabye; era n'abasajja ab'ekifo boogedde nti Tewabanga wano mwenzi.
- 23 Yuda n'ayogera nti Agyetwalire, tuleme okukwatibwa ensonyi: laba, naweereza omwana ogwo gw'embuzi, naawe n'otomulaba.
- 24 Awo olwatuuka emyezi ng'esatu bwe gyayitawo ne babuulira Yuda nti Tamali muka mwana wo yayenda; era nate, laba, ali lubuto lwa bwenzi. Yuda n'ayogera nti Mumu-fulumye, bamwokye.
- 25 Bwe baamufulumya, n'atumira ssezaala we, ng'ayogera nti Omusajja nannyini bino ye yangira olubuto: n'ayogera nti Tegeera, nkwegayiridde, bino by'ani, akabonero n'obujegere n'omuggo.
- 26 Yuda n'abikiriza, n'ayogera nti Ansinze nze okuba omutuukirivu; kubanga saamuwa Seera omwana wange. N'atamumanya nate lwa kubiri.
- 27 Awo olwatuuka entuuko ze bwe zaatuuka okuzaala, laba, abalongo ne baba mu lubuto lwe.
- 28 Awo bwe yali anaatera okuzaala, omu n'afulumya engalo ze: omuzaalisa n'azikwata n'asiba akagoye akamyufu ku ngalo ze, ng'ayogera nti Ono ye asoose okufuluma.
- 29 Awo olwatuuka, bwe yazzaayo engalo, laba, muganda we n'afulumya; n'ayogera nti Kiki ekikuwaguza wekka? erinnya lye kyeryava lituumibwa Preezi.
- 30 Oluvannyuma muganda we n'afulumya, eyalina akagoye akamyufu ku ngalo ze: n'atumwa erinnya Zeera.

Essuula 39

- 1 Yusufu ne bamuserengesa mu Misiri; Potifali, omwami wa Falaawo, omukulu w'abambowa, Omumisiri, n'amugula mu mukono gw'Abaisimaeri, abaamuserengesa eyo.
- 2 Mukama n'aba wamu ne Yusufu, n'aba n'omukisa; n'abeera mu nnyumba ya mukama we Omumisiri.
- 3 Mukama we n'alaba nga Mukama ali naye, era nga Mukama amuwa buli kye yakola okuba n'omukisa mu mukono gwe.
- 4 Yusufu n'alaba ekisa mu maaso ge, n'amuweereza: n'amufuula omulabirizi w'ennyumba ye, ne bye yali nabyo byonna n'abiteeka mu mukono gwe.
- 5 Awo olwatuuka bwe yamala okumufuula omulabirizi w'ennyumba ye, era owa byonna bye yalina, Mukama n'alyoka agiwa ennyumba ey'Omumisiri omukisa ku bwa Yusufu: omukisa gwa Mukama ne guba ku byonna bye yalina, eby'omu nnyumba n'eby'omu nnimiro.
- 6 N'aleka byonna bye yalina mu mukono gwa Yusufu; n'atamanya kintu ekyali naye wabula emmere gye yalyanga. Era Yusufu yali mulungi, n'amaaso ge ga kusanyusa.
- 7 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo, omukazi wa mukama we n'atunuulira Yusufu; n'ayogera nti Sula nange.
- 8 Naye n'agaana, n'agamba omukazi wa mukama we nti Laba, mukama wange tamanyi ebiri nange mu nnyumba, era yateeka byonna by'alina mu mukono gwange;
- 9 tewali ansinga nze obukulu mu nnyumba muno; so teyasigaza kintu obutakimpa nze wabula ggwe, kubanga oli mukazi we: kale nnyinza ntya okwonoona, okwenkanidde wano, n'okusobya ku Katonda?
- 10 Awo olwatuuka bwe yayogera ne Yusufu buli lunaku, n'atamuwuliranga, okusula naye, oba kubeera naye.
- 11 Awo olwatuuka mu biro ebyo n'ayingira mu nnyumba okukola emirimu gye; so nga siwali basajja ba mu nnyumba muli munda.
- 12 N'amukwatako ekyambalo kye ng'ayogera nti Sula nange: n'aleka ekyambalo kye mu mukono gwe, n'adduka, n'avaayo.
- 13 Awo olwatuuka, bwe yalaba ng'alese ekyambalo kye mu mukono gwe n'adduka n'avaayo,
- 14 n'alyoka ayita abasajja ab'omu nnyumba ye, n'abagamba nti Laba, yayingiza Omwebbulaniya okutuduulira; ayingidde gye ndi okusula nange, ne nkoowoola n'eddoboozi ddene:
- 15 awo olwatuuse, bw'awulidde nga nnyimusa eddoboozi lyange ne nkoowoola, n'alyoka aleka ekyambalo kye gye ndi n'adduka n'avaayo.
- 16 N'atereka ekyambalo kye ewuwe, okutuusa mukama we bwe yakomawo eka.
- 17 N'amugamba ng'ebigambo bino bwe biri nti Omuddu Omwebbulaniya gwe watuleetera yayingira gye ndi okunduulira:
- 18 awo olwatuuka, bwe nnayimusa eddoboozi lyange ne nkoowoola, n'alyoka aleka ekyambalo kye gye ndi, n'adduka n'avaayo.
- 19 Awo olwatuuka, mukama we bwe yawulira ebigambo bya mukazi we bye yamugamba nti Bw'atyo omuddu wo bwe yankolera; obusungu bwe ne bubuubuuka.
- 20 Mukama wa Yusufu n'amutwala, n'amussa mu kkomera, ekifo abasibe ba kabaka mwe baasibirwa: n'abeera omwo mu kkomera.
- 21 Naye Mukama n'aba wamu ne Yusufu, n'amulaga ebirungi, n'amuwa ekisa mu maaso g'omukuumi w'ekkomera.
- 22 Omukuumi w'ekkomera n'ateresa Yusufu mu mukono gwe abasibe bonna abaali mu kkomera; ne byonna bye baakola eyo, oyo ye yabikola.

- 23 Omukuumi w'ekkomera teyatunuulira kintu ekyali wansi w'omukono gwe, kubanga Mukama yali wamu naye; n'ebyo bye yakola, Mukama n'abiwa omukisa.

Essuula 40

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo, omusenero wa kabaka w'e Misiri n'omufumbiro we ne banyiiiza mukama waabwe kabaka w'e Misiri.
- 2 Falaawo n'asunguwalira abaami be bombi, omukulu w'abasenero, n'omukulu w'abafumbiro.
- 3 n'abasiba mu nnyumba ey'omukulu w'abambowa, mu kkomera, mu kifo Yusufu mwe yasibirwa.
- 4 Omukulu w'abambowa n'abateresa Yusufu, n'abaweereza: ne bamalayo ekiseera nga basibiddwa.
- 5 Ne baloota ekirooto bombi, buli muntu ekirooto kye mu kiro kimu, buli muntu ng'amakulu g'ekirooto kye bwe gali, omusenero n'omufumbiro wa kabaka w'e Misiri, abasibirwa mu kkomera.
- 6 Yusufu n'ayingira gye baali enkya, n'abalaba, era, laba, baali banakuwadde.
- 7 N'abuuzaba abaami ba Falaawo abasibirwa awamu naye mu nnyumba ya mukama we, ng'ayogera nti Kiki ekinakuwazizza bwe kityo amaaso gammwe leero?
- 8 Ne bamugamba nti Tuloose ekirooto, so siwali ayinza okutegeeza amakulu gaakyo. Yusufu n'abagamba nti Okutegeeza amakulu si kwa Katonda? mukimbuulire, mbeegayiridde.
- 9 Omusenero omukulu n'abuulira Yusufu ekirooto kye, n'amugamba nti Mu kirooto kyange, laba, omuzabbibu gubadde mu maaso gange;
- 10 ne ku muzabbibu kubaddeko amatabi asatu: ne guba ng'ogwanya, ne gusansula ebimuli; n'ebirimba byagwo ne bibala ezabbibu ennyengevu:
- 11 n'ekikompe kya Falaawo kibadde mu mukono gwange; ne nzirira ezabbibu, ne nzikamulira mu kikompe kya Falaawo, ne mpaayo ekikompe mu mukono gwa Falaawo.
- 12 Yusufu n'amugamba nti Gano ge makulu gaakyo: amatabi asatu ze nnaku essatu;
- 13 walibaawo nate ennaku ssatu Falaawo n'alyoka agulumiza omutwe gwo n'akukomyawo mu bwami bwo: era onoowangayo ekikompe mu mukono gwa Falaawo, ng'empisa bwe yali edda bwe wali omusenero we.
- 14 Naye onjijukiranga nze bw'oliraba ebirungi, ondage nze ekisa, nkwegayiridde, onjogerangako eri Falaawo, onziye mu nnyumba muno:
- 15 kubanga amazima nanyagibwa mu nsi ey'Abaebbulaniya: era ne kuno sikolanga kigambo ekyandibanteesezza mu kkomera.
- 16 Omufumbiro omukulu bwe yalaba ng'amakulu malungi, n'agamba Yusufu nti Nange mbadde mu kirooto kyange, era, laba, ebibbo ebisatu ebibaddemu emmere enjeru ne biba ku mutwe gwange:
- 17 ne mu kibbo ekya waggulu mubaddemu engeri zonna ez'emmere enjokye eza Falaawo; ennyonyi ne ziziriira mu kibbo ku mutwe gwange.
- 18 Yusufu n'addamu n'ayogera nti Gano ge makulu gaakyo: ebibbo ebisatu ze nnaku essatu;
- 19 walibaawo nate ennaku ssatu Falaawo n'alyoka agulumiza omutwe gwo okuva ku ggwe, era alikuwanika ku muti; n'ennyonyi zirirya ennyama yo okugiggya ku ggwe.
- 20 Awo olwatuuka ku lunaku olw'okusatu, lwe lunaku Falaawo lwe yazaalibwako, n'afumbira abaddu be bonna embaga; n'agulumiza omutwe gw'omusenero omukulu n'omutwe gw'omufumbiro omukulu mu baddu be.
- 21 N'akomyawo nate omusenero omukulu mu busenero bwe; n'awangayo ekikompe mu mukono gwa Falaawo:

- 22 naye n'awanika omufumbiro omukulu: nga Yusufu bwe yabategeeza amakulu.
 23 Naye omusenero omukulu n'atajjukira Yusufu, naye n'amwerabira.

Essuula 41

- 1 Awo olwatuuka emyaka ebiri emirambirira bwe gyayitawo, Falaawo n'aloota: era, laba, yali ayimiridde ku mugga.
- 2 Era, laba, ne muva mu mugga ente musanvu ennungi eza ssava; ne ziriira mu lusa.
- 3 Era, laba, ente endala omusanvu ne ziziddirira ne ziva mu mugga, embi enkovvu; ne ziyimirira ku mabbali g'omugga awali ente endala.
- 4 N'ente embi enkovvu ne zirya ente omusanvu ennungi eza ssava. Kale Falaawo n'azuukuka.
- 5 Ne yeebaka n'aloota omulundi ogw'okubiri: era, laba, ebirimba by'eaano musanvu ne bimera ku kiti kimu, ebigimu ebirungi.
- 6 Era, laba, ebirimba musanvu ebitono ebikaze n'empewo ez'ebuvanjuba ne bibiddirira ne bimera.
- 7 Ebirimba ebitono ne bimira ebirimba omusanvu ebigimu ebinene. Falaawo n'azuukuka, era, laba, kbadde kirooto.
- 8 Awo olwatuuka enkya omwoyo gwe ne gweraliikirira: n'atuma n'ayita abasawo bonna ab'omu Misiri, n'abagezigezi bonna abaamu: Falaawo n'ababuulira ekirooto kye; naye tewaali ayinza okutegeeza Falaawo amakulu gaakyo.
- 9 Omusenero omukulu n'alyoka agamba Falaawo nti Njjjukidde leero okwonoona kwange:
- 10 Falaawo yasunguwalira abaddu be, n'ansibira mu unyumba ey'omukulu w'abambowa, nze n'omufumbiro omukulu:
- 11 ne tuloota ekirooto mu kiro kimu nze naye; twaloota buli muntu ng'amakulu g'ekirooto kye bwe gali.
- 12 Era yaliyo wamu naffe omulenzi, Omwebbulaniya, omuddu ow'omukulu w'abambowa; ne tumubuulira, n'atutegeeza amakulu g'ebirooto byaffe; yategeeza buli muntu ng'ekirooto kye bwe kyali.
- 13 Awo olwatuuka, nga bwe yatutegeeza, ne kiba bwe kityo; nze yanziza mu bwami, n'oyo yamuwanika.
- 14 Falaawo n'alyoka atuma n'ayita Yusufu, ne bamuggya mangu mu kkomera: n'amwa, n'awaanyisa ebyambalo bye, n'ayingira eri Falaawo.
- 15 Falaawo n'agamba Yusufu nti Naloota ekirooto, so siwali ayinza okutegeeza amakulu gaakyo: era mpulidde nga boogera ku ggwe ng'oyinza okutegeeza amakulu g'ekirooto bw'okiwulira.
- 16 Yusufu n'addamu Falaawo, ng'ayogera nti Si mu nze: Katonda y'anaawa Falaawo okuddamu okw'emirembe.
- 17 Falaawo n'agamba Yusufu nti Mu kirooto kyaage, laba, nga nnyimiridde ku mabbali g'omugga:
- 18 era, laba, ne muva mu mugga ente musanvu, eza ssava ennungi; ne ziriira mu lusa:
- 19 era, laba, ente musanvu endala ne ziziddirira ne zirinnya, ennafu embi ennyo enkovvu, ze ssirabangako mu nsi yonna ey'e Misiri obubi:
- 20 ente enkovvu embi ne zirya ente omusaavu eza ssava ezisoose:
- 21 awo bwe zaamala okuzirya ne kitategeerekeka nga ziziridde; naye nga zikyali mbi ng'olubereberye. Awo ne nzuukuka.
- 22 Ne ndabira mu kirooto kyange, era, laba, ebirimba musanvu ne bimera ku kiti kimu, ebinene ebirungi:
- 23 era, laba, ebirimba musanvu, ebivotose, ebitono, ebikaze n'empewo ez'ebuvanjuba, ne

bibiddirira ne bimera

- 24 ebirimba ebitono ne bimira ebirimba ebirungi omusanvu: ne nkibuulira abasawo; naye siwali ayinza okukintegeeza.
- 25 Yusufu n'agamba Falaawo nti Ekirooto kya Falaawo kiri kimu: Katonda by'agenda okukola, yabibuulira Falaawo.
- 26 Ente omusanvu ennungi gy'emyaka omusaavu; n'ebirimba omusanvu ebirungi gye myaka omusanvu: ekirooto kiri kimu.
- 27 N'ente omusanvu enkovvu embi ezaaziddirira gye myaka omusanvu, era n'ebirimba omusanvu ebitaliimu ebikaze n'empewo ez'ebuvanjuba; egyo giriba myaka omusanvu egy'enjala.
- 28 Ekyyo kye kigambo kye mbuulidde Falaawo: Katonda by'agenda okukola, yabiraga Falaawo.
- 29 Laba, girijja emyaka musanvu egy'ekyengera ekingi mu nsi yonna ey'e Misiri:
- 30 oluvannyuma lw'egyo giribaawo emyaka musanvu egy'enjala; n'ekyengera kyonna kiryerabirwa mu nsi ey'e Misiri; n'enjala erizikiriza ensi;
- 31 n'ekyengera tekirimanyibwa mu nsi olw'enjala erikiddirira; kubanga eriba nnyingi nnyo.
- 32 Era kubanga ekirooto kyayongererwa Falaawo emirundi ebiri, kyekyava kyongerwa kubanga ekigambo kinywezebwa Katonda, era Katonda alikituukiriza mangu.
- 33 Kale nno kaakano Falaawo anoonye omusajja omukabakaba ow'amagezi, amuwe okufuga ensi ey'e Misiri.
- 34 Falaawo akole bw'atyo, era asseewo abalabirizi ku nsi, atereke ekitundu eky'ekkumi eky'ensi ey'e Misiri mu myaka omusanvu egy'ekyengera.
- 35 Era bakuaanye emmere yonna ey'emyaka gino emirungi egijja, baterekere eaano mu bibuga mu mukono gwa Falaawo, bagikuume.
- 36 N'emmere eyo eriba eggwanika ery'ensi olw'emyaka omusanvu egy'enjala, egiribaawo mu nsi ey'e Misiri; ensi ereme okufa enjala.
- 37 N'ekigambo ekyyo kyali kirungi mu maaso ga Falaawo, ne mu maaso g'abaddu be bonna.
- 38 Falaawo n'agamba abaddu be nti Tuliyyinza okulaba omusajja afaanana ng'oyo, omusajja omuli omwoyo gwa Katonda?
- 39 Falaawo n'agamba Yusufu nti Kubanga Katonda akulaze cbyo byonna, tewali mukabakaba era ow'amagezi nga ggwe:
- 40 gw'olifuga ennyumba yange, era ng'ekigambo kyo bwe kiri abantu bange bonna banaafugibwanga: naye kyokka mu ntebe yange nze naakusinganga ggwe obukulu.
- 41 Falaawo n'agamba Yusufu nti Laba, nkuwadde okufuga ensi yonna ey'e Misiri.
- 42 Falaawo ne yeenaanula empeta ye ey'akabonero ku ngalo ye, n'anaanika Yusufu ku ngalo ye, n'amwambaza ebyambalo ebya bafuta ennungi, n'ateeka omukuufu ogwa zaabu mu bulago bwe.
- 43 N'amutambuliza mu ggaali ery'okubiri lye yalina; ne balangira mu maaso ge nti Mufukamire: n'amuwa okufuga ensi yonna ey'e Misiri.
- 44 Falaawo n'agamba Yusufu nti Nze ndi Falaawo, era awatali nze tewali muntu aligolola omukono gwe newakubadde ekigere kye mu nsi yonna eye Misiri.
- 45 Falaawo n'atuuma Yusufu erinnya Zafenasipaneya; n'amuwa Asenaasi omwana wa Potiferi kabona ow'e Oni okumuwasa. Yusufu n'atambula n'abunya ensi ey'e Misiri.
- 46 Era Yusufu yali yaakamaze emyaka asatu bwe yayimirira mu maaso ga Falaawo kabaka we Misiri. Yusufu n'ava eri Falaawo, n'atambula n'abunya ensi ey'e Misiri.
- 47 Ne mu myaka omusanvu egy'ekyengera ensi n'ebala emmere mu bungi.
- 48 N'akuaaayanga emmere yonna ey'emyaka omusanvu egyabaawo mu nsi ey'e Misiri, n'aterekeranga emmere mu bibuga: emmere ey'omu nnuniro ezaali zeetoolodde buli

kibuga, yagiterekeranga mu ekyo.

- 49 Yusufu n'atereka eaano ng'omusenyu ogw'ennyanja, nnyingi nnyo, okutuusa lwe yaleka okubala; kubanga teyabalikika.
- 50 Abaana babiri ne bazaalirwa Yusufu omwaka ogw'enjala nga tegunnatuuka, Asenaansi omwana wa Potiferi kabona owe Oni be yamuzaalira.
- 51 Yusufu n'atuuma omubereberye erinnya Manase: nti Kubanga Katonda anneerabizza okutegana kwange n'ennyumba ya kitange yonna.
- 52 N'ow'okubiri n'amutuuma erinnya Efulayimu: nti Kubanga Katonda yanjaliza mu nsi ey'okubonaabona kwange.
- 53 Emyaka omusanvu egy'ekyengera egyabaawo mu nsi ey'e Misiri ne giggwaako.
- 54 Emyaka omusanvu egy'enjala ne gitanula okujja, nga Yusufu bwe yayogera; enjala n'egwa mu nsi zonna; naye mu nsi yonna ey'e Misiri emmere nga mweri.
- 55 Era ensi yonna ey'e Misiri bwe yalumwa enjala, abantu ne bakaabira Falaawo olw'emmere: Falaawo n'agamba Abamisiri bonna nti Mugendenga eri Yusufu; by'anaabagambanga mukolenga bwe mutyo.
- 56 Enjala n'ebuna ensi zonna: Yusufu n'aggulawo amawanika gona, n'aguzanga Abamisiri; enjala n'eba nnyingi mu nsi ey'e Misiri.
- 57 N'ab'ensi zonna ne bajjira Yusufu mu Misiri okugula eaano; kubanga enjala yali nnyingi mu nsi zonna.

Essuula 42

- 1 Era Yakobo n'alaba nga mu Misiri eaano mweri, Yakobo n'agamba abaana be nti Kiki ekibatunuulizaganya mwekka na mwekka?
- 2 N'ayogera nti Laba, mpulidde nga mu Misiri eaano mweri: muserengete, mugendeyo, mutugulire eyo; tubeere abalamu, tuleme okufa.
- 3 Ne baganda ba Yusufu ekkumi ne baserengeta okugula eaano mu Misiri.
- 4 Naye Benyamini, muganda wa Yusufu, Yakobo n'atamutuma wamu ne baganda be; kubanga yayogera nti Mpozzi akabi kaleme okumubaako.
- 5 N'abaana ba Isiraeri ne bajja okugula mu abo abajja: kubanga enjala yali mu nsi ya Kanani.
- 6 Era Yusufu ye yali omukulu w'ensi; oyo ye yaguzanga abantu bonna ab'omu nsi: baganda ba Yusufu ne bajja, ne bamuvuunamira nga bawunzise amaaso wansi.
- 7 Yusufu n'alaba baganda be, n'abekkaanya, naye ne yeefuula nga munnaggwanga gye bali, n'ayogera nabo n'ebboggo; n'abagamba nti Muva wa? Ne boogera nti Mu nsi ya Kanani okugula emmere.
- 8 Yusufu ne yekkaanya baganda be, naye bo ne batamwekkaanya.
- 9 Yusufu n'ajjukira ebirooto bye yaloota ku bo, n'abagamba nti Muli bakessi; muzze okulaba ensi bw'eteriimu.
- 10 Ne bamugamba nti Nedda, mukama wange, naye abaddu bo bazze okugula emmere.
- 11 Fenna tuli baana b'omu; tuli ba mazima, abaddu bo si bakessi n'akatono.
- 12 N'abagamba nti Nedda, naye muzze okulaba ensi bw'eteriimu.
- 13 Ne boogera nti Ffe abaddu bo tuli ba luganda kkumi na babiri, abaana b'omu mu nsi ya Kanani; era, laba, omwana wa boffe ali wamu ne kitaffe leero, n'omu taliiwo.
- 14 Yusufu n'abagamba nti Kye kiikyo kye mbagambye nti Muli bakessi:
- 15 bwe mulikembwa bwe muti: ndayidde obulamu bwa Falaawo, temugenda kuva wano, wabula omwana wa bommwwe ng'azze wano.
- 16 Mutume munnammwe omu, akime muganda wammwe, nammwe munaasibibwa, ebigambo byammwe bikembwe, oba nga amazima mwegali mu mmwe: oba bwe mutaakole bwe mutyo, ndayidde obulamu bwa Falaawo, mazima muli bakessi.

- 17 N'abateeka bonna wamu mu kkomera ennaku ssatu.
- 18 Yusufu n'abagamba ku lunaku olw'okusatu nti Mukole bwe muti, mubeere abalamu; kubanga ntya Katonda:
- 19 oba nga muli ba mazima, omu ku baganda bammwe asibibwe mu nnyumba ey'ekkomera lyammwe; naye mmwe mugende, mutwale eaano olw'enjala ey'omu nnyumba zammwe;
- 20 era mundeetere omwana wa bommwe; ebigambo byammwe bwe birategezebwa nga bya mazima bwe bityo, nammwe temulifa. Ne bakola bwe batyo.
- 21 Ne bagambagana nti Mazima tuliko omusango olwa muganda waffe, kubanga twalaba emmeeme ye bwe yanakuwala, bwe yatwegayirira, naffe ne tugaana okuwulira; ennaku zino kye zivudde zitutuukako.
- 22 Lewubeeni n'abaddamu ng'ayogera nti Saababuulira nti Temusobya ku mwana; nammwe ne mugaana okuwulira? era omusaayi gwe kyeguva gutuvunaanyizibwa.
- 23 Ne batamanya nga Yusufu ategedde ebigambo byabwe; kubanga omutegeeza yabanga wakati we nabo.
- 24 N'abakuba enkoona, n'akaaba amaziga; n'addayo gye bali, n'ayogera nabo, n'abagyamu Simyoni, n'amusibira mu maaso gaabwe.
- 25 Awo Yusufu n'alagira okujjuza ebintu byabwe eaano, n'okuddiza buli muntu effeeza ye mu nsawo ye, n'okubawa entanda ey'omu kkubo: ne babakolera bwe batyo.
- 26 Ne bateeka eaano yaabwe ku ndogoyi zaabwe, ne bagenda ne bavaayo.
- 27 Munnaabwe omu bwe yasumulula ensawo ye okuliisa endogoyi ye mu kifo kye baasulamu, n'alaba effeeza ye; era, laba, yali mu kamwa k'ensawo ye.
- 28 N'agamba baganda be nti Effeeza yange enkomezebbwawo; era, laba, eri mu nsawo yange; omwoyo gwabwe ne gubatyemuka, ne bakyukiragana nga bakankana nga boogera nti Kino kiki Katonda ky'atukoze?
- 29 Ne bajjira Yakobo kitaabwe mu nsi ya Kanani, ne bamubuulira byonna ebyababaako; nga boogera nti
- 30 Omusajja, omukulu w'ensi, yayogera naffe n'ebboggo, n'atulowooza ng'abakessi b'ensi.
- 31 Ne tumugamba nti Tuli ba mazima; tetuli bakessi:
- 32 tuli ba luganda kkumi na babiri, abaana ba kitaffe; omu taliwo, n'omwana wa boffe ali wamu ne kitaffe leero mu nsi ya Kanani.
- 33 Omusajja, omukulu w'ensi, n'atugamba nti Bwe nti bwe nditegeera nga muli basajja ba mazima: muleke wamu nange omu ku baganda bammwe, mutwale eaano olw'enjala ey'omu nnyumba zammwe, mwegendere:
- 34 mundeetere omwana wa bommwe: awo nnaategeera nga temuli bakessi n'akatono; naye nga muli basajja ba mazima: bwe ntyo ndibawa muganda wammwe, nammwe munaagulanga mu nsi.
- 35 Awo olwatuuka bwe baggya ebintu mu nsawo zaabwe, laba, omutwalo gw'effeeza ogwa buli muntu gwali mu nsawo ye: bo ne kitaabwe bwe baalaba emitwalo gyabwe egy'effeeza, ne batya.
- 36 Yakobo kitaabwe n'abagamba nti Nze munziyeeko abaana bange: Yusufu taliwo, era ne Simyoni taliwo, era mwagala okunziyaako ne Benyamini: ebyo byonna binzitoow-erera.
- 37 Lewubeeni n'agamba kitaawe nti Obattanga batabani bange bombi, bwe sir-imukomyawo gy'oli: mumpe mu mukono gwange, nange ndimukomyawo gy'oli nate.
- 38 N'ayogera nti Omwana wange taliserengeta nammwe; kubanga muganda we yafa, naye asigaddewo yekka: akabi bwe kalimubaako mu kkubo lye muliyitamu, mulis-erengesa envi zange mu magombe olw'okunakuwala.

Essuula 43

- 1 Enjala n'eba nnyingi mu nsi.
- 2 Awo olwatuuka, bwe baamala okulya eaano yonna gye baggya mu Misiri, kitaabwe n'abagamba nti Mugende nate, mutugulire akamere.
- 3 Yuda n'amugamba nti Omusajja yatulayiririra ddala ng'ayogera nti Temuliraba maaso gange, wabula muganda wammwe ng'ali wamu nammwe.
- 4 Bw'onoosindika muganda waffe awamu naffe, tunaaserengeta tulikugulira emmere:
- 5 naye bw'otoomusindike, tetugenda kuserengeta: kubanga omusajja yatugamba nti Temuliraba maaso gange, wabula muganda wammwe ng'ali nammwe.
- 6 Isiraeri n'ayogera nti Kiki ekyabankoza obubi obwenkanidde awo okubuulira omusajja nga mulina ow'oluganda omulala?
- 7 Ne boogera nti Omusajja yatubuuzabubuuza bwe twali ne baganda baffe bwe baali, ng'ayogera nti Kitammwe akyali mulamu? mulina ow'oluganda omulala? ne tumubulira ng'ebigambo ebyo bwe biri: twandiyinzizza n'akatono okutegeera ng'anaagamba nti Muserengese muganda wammwe?
- 8 Yuda n'agamba Isiraeri kitaawe nti Sindika omulenzi awamu nange, naffe tunaagolokoka ne tugenda; tube abalamu, tuleme okufa, ffe; naawe, era n'abaana baffe abato.
- 9 Nze naabeera omuyima we; olimuvunaana nze mu mukono gwange: bwe sirimuleeta gy'oli, ne mmuteeka mu maaso go, omusango gube ku nze ennaku zonna:
- 10 kuba singa tetuludde, mazima kaakano twandibadde nga tukomyewo omulundi ogw'okubiri.
- 11 Kitaabwe Isiraeri n'abagamba nti Oba nga kaakano kiri bwe kityo, mukole bwe muti; mutwale ku bibala eby'omu nsi ebisinga obulungi mu bintu byammwe, mutwalire omusajja ekirabo, envumbo si nnyingi, n'omubisi gw'enjuki, omugavu n'obubaane, ebinywebwa n'endoozi:
- 12 era mutwale effeeza ebigerero bibiri mu ngalo zammwe; n'effeeza eyakomezebawo mu bumwa bw'ensawo zammwe gitwale nate mu ngalo zammwe; mpozzi baagizza nga tebamanyiridde:
- 13 era mutwale ne muganda wammwe, mugolokoke, muddeyo eri omusajja:
- 14 era Katonda omuyinza w'ebintu byonna abawe okusaasirwa mu maaso g'omusajja abasumulurire muganda wammwe omulala ne Benyamini. Nange bwe ndifiirwa abaana bange, ndifiirwa.
- 15 Abasajja ne batwala ekirabo ekyo, ne batwala effeeza ebigerero bibiri mu ngalo zaabwe, ne Benyamini; ne bagolokoka, ne baserengeta mu Misiri, ne bayimirira mu maaso ga Yusufu.
- 16 Yusufu bwe yalaba Benyamini ng'ali wamu nabo n'agamba omuwanika w'ennyumba ye nti Twala abasajja mu nnyumba, obabaagire, oteeketeke; kubanga abasajja banaaliira wamu nange mu ttuntu.
- 17 Omusajja n'akola nga Yusufu bwe yalagira; omusajja n'atwala abasajja mu nnyumba ya Yusufu.
- 18 Abasajja ne batya, kubanga babaleese mu nnyumba ya Yusufu; ne boogera nti Olw'effeeza eyakomezebawo mu nsawo zaffe olubereberye kyebavudde batuleeta muno; atulabireko ensonga, atuwamatukireko, atunyage okuba abaddu, n'endogoyi zaffe.
- 19 Ne basemberera omuwanika w'ennyumba ya Yusufu, ne boogerera naye ku mulyango gw'ennyumba,
- 20 ne bagamba nti Ai mukama wange, mazima twaserengeta olubereberye okugula emmere:

- 21 awo olwatuuka, bwe twatuuka mu kifo ekyokusulamu, ne tusemulula ensawo zaffe, era, laba, effeeza ya buli muntu yali mu kamwa k'ensawo ye, effeeza yaffe ekigero kyayo kituufu: era tugikomezzaawo mu ngalo zaffe.
- 22 Era tuleese n'effeeza endala mu ngalo zaffe okugula emmere: tetumanyi bw'ali eyateeka effeeza yaffe mu nsawo zaffe.
- 23 N'ayogera nti Emirembe gibe gye muli, temutya: Katonda wammwe, era Katonda wa kitammwe, ye yabawa obugagga mu nsawo zammwe: nnaweebwa effeeza yammwe. N'abafulumiza Simyoni.
- 24 Omusajja n'atwala abasajja mu nnyumba ya Yusufu, n'abawa amazzi, ne banaaba ebigere byabwe; n'awa endogoyi zaabwe ebyokulya.
- 25 Ne bateekateeka ekirabo Yusufu ng'ajja kujja mu, ttuttu: kubanga bawulidde nga banaaliira eyo emmere.
- 26 Awo, Yusufu bwe yadda eka, ne bamuleetera mu nnyumba ekirabo ekyali mu ngalo zaabwe, ne bamuvuunamira.
- 27 N'ababuuzza bwe baali, n'ayogera nti Kitammwe gyali omukadde gwe mwayogerako? Akyali mulamu?
- 28 Ne boogera nti Omuddu wo kitaffe gyali, akyali mulamu. Ne bakutama, ne bavuu-nama.
- 29 N'ayimusa amaaso ge n'alaba Benyamini muganda we, omwana wa nnyina, n'ayogera nti Oyo ye mwana wa bommwe, gwe mwaambako? N'ayogera nti Katonda akulage ekisa, mwana wange.
- 30 Yusufu n'ayanguwa; kubanga emmeeme ye yalumirwa muganda we: n'anoonya w'anaakaabira amaziga; n'ayingira mu kisenge kye, n'akaabira omwo.
- 31 N'anaaba mu maaso, n'afulumu; n'azibiikiriza n'ayogera nti Mujjule emmere.
- 32 Ne bamusoosootolera ye yekka, nabo bokka, n'Abamisiri, abaaliiranga awamu naye, nabo bokka: kubanga Abamisiri tebayinza kuliira mmere wamu n'Abaebbulaniya; kubanga ekyo kya muzizo eri Abamisiri.
- 33 Ne batuula mu maaso ge, omubereberye ng'obukulu bwe bwe bwali, n'omuto ng'obuto bwe bwe bwali: abasajja ne beewuunya bokka na bokka.
- 34 N'ababegerako ebitole (ku mmere) eyali mu maaso ge: naye ekitole kya Benyamini kyasinga ebyabwe byonna emirundi etaano. Ne banywa, ne basanyukira wamu naye.

Essuula 44

- 1 N'alagira omuwanika w'ennyumba ye, ng'ayogera nti jjuza ensawo ez'abasajja emmere, nga bwe bayinza okwetikka, era teeka effeeza eya buli muntu mu kamwa k'ensawo ye.
- 2 Era teeka ekikompe kyange, ekikompe ekya ffeeza, mu kamwa k'ensawo ey'omuto, n'effeeza ye ey'eaano. N'akola ng'ekigambo bwe kibadde Yusufu ky'ayogedde.
- 3 Awo bwe bwakya enkya, abasajja ne basiibulwa, bo n'endogoyi zaabwe.
- 4 Bwe baamala okuva mu kibuga, nga bakyali kumpimpi, Yusufu n'agamba omuwanika we nti Golokoka, ogoberere abasajja; bw'onoobatuukako, bagambe nti Kiki ekibawalanyizza ebibi olw'obulungi?
- 5 Kino si kye kiikyo mukama wange ky'anywesa, era n'okulagula ky'alaguza? mwakoze bubi bwe mwakoze bwe mutyo.
- 6 N'abatuukako, n'abagamba ebigambo ebyo.
- 7 Ne bamugamba nti Kiki ekyogezezza mukama wange ebigambo ebirianga ebyo? Kitalo abaddu bo okukola ekigambo ekyenkanidde awo.
- 8 Laba, effeeza gye twalaba mu bumwa bw'ensawo zaffe, twagizza gy'oli okuva mu nsi ya Kanani: kale twandibbye tutya effeeza oba zaabu mu nnyumba ya mukama wo?

- 9 Buli anaalabika ku baddu bo ng'ali nakyo, afe, era naffe; tunaaba abaddu ba mukama wange.
- 10 N'ayogera nti Kale nno kaakano kibe ng'ebigambo byammwe bwe biri: anaalabika ng'ali nakyo ye anaaba omuddu wange; nammwe temuubeeko musango.
- 11 Awo ne banguwa, ne beetikkula buli muntu ensawo ye, ne bazissa wansi, buli omu n'asumulula ensawo ye.
- 12 N'anoonya, ng'asookera ku mubereberye n'amalira ku muto: ekikompe ne kirabikira mu nsawo ya Benyamini.
- 13 Ne balyoka bayuza engoye zaabwe, ne bateeka ebintu buli muntu ku ndogoyi ye ne baddayo mu kibuga.
- 14 Yuda ne baganda be ne batuuka mu nnyumba ya Yusufu; ne bamusanga ng'akyaliyo: ne bavunama mu maaso ge.
- 15 Yusufu n'abagamba nti Kikolwa ki kino kye mukoze? temumanyi nti omusajja eyenkana nange obukulu ayinza okulagulira ddala?
- 16 Yuda n'ayogera nti Tunaagamba tutya mukama wange? tunaayogera tutya? oba tunaawoza tutya? Katonda akebedde obutali butuukirivu bw'abaddu bo: laba, tuli baddu ba mukama wange, ffe era n'oyo alabise ng'alina ekikompe mu mukono gwe.
- 17 N'ayogera nti Kitalo nze okukola bwe ntyo: omusajja alabise ng'alina ekikompe mu mukono gwe ye anaaba omuddu wange; naye mmwe, mwambuke mugende eri kitammwe n'emirembe.
- 18 Yuda n'alyoka amusemberera n'ayogera nti Ai mukama wange, nkwegayiridde, omuddu wo ayogere ekigambo mu matu ga mukama wange, so obusungu bwo buleme okubuubukira omuddu wo: kubanga olianga, Falaawo ddala.
- 19 Mukama wange yabuuza abaddu be ng'ayogera nti Mulina kitammwe, oba muganda wammwe?
- 20 Naffe ne tugamba mukama wange nti Tulina kitaffe, mukadde, n'omwana gwe yazaala ng'akaddiye, omwana omuto; ne muganda we yafa, naye asigaddewo yekka ku baana ba nnyina, era kitaawe amwagala.
- 21 Naawe n'ogamba abaddu bo nti Mumundeetere, mmukubeko amaaso.
- 22 Ne tugamba mukama wange nti Omulenzi tayinza kuleka kitaawe: kuba bw'alireka kitaawe, kitaawe alifa.
- 23 N'ogamba abaddu bo nti Mwana wa bommwe bw'ataliserengeta nammwe, temuliraba nate maaso gange.
- 24 Awo olwatuuka bwe twayambuka ne tujja eri omuddu wo kitange, ne tumubuulira ebigambo bya mukama wange.
- 25 Kitaffe n'ayogera nti Muddeeyo nate, mutugulire akamere.
- 26 Naffe ne twogera nti Tetuyinza kuserengeta: omwana wa boffe bw'anaabeera awamu naffe, tuliserengeta: kubanga tetuyinza kulaba maaso ga musajja, omwana wa boffe wabula ng'ali wamu naffe.
- 27 Omuddu wo kitange n'atugamba nti Mumanyi nti mukazi wange yanzaalira abaana ab'obulenzi babiri:
- 28 omu n'ava gye ndi, ne njogera nti Mazima yataagulwataagulwa; nange sikyamulabako:
- 29 era bwe munanziyako n'oyo, akabi ne kamubaako, muliserengesa envi zange mu magombe olw'okunakuwala.
- 30 Kale kaakano bwe ndijja eri omuddu wo kitange, n'omulenzi nga tali wamu naffe; kubanga obulamu bwe busibiddwa n'obulamu bw'omulenzi;
- 31 olulituuka bw'aliraba ng'omulenzi taliiwo, alifa: n'abaddu bo baliserengesa envi z'omuddu wo kitaabwe mu magombe olw'okunakuwala.
- 32 Kubanga omuddu wo ye yeeyimirira omulenzi eri kitange nga njogera nti Bwe

sirimuleeta gy'oli, nze ndiba n'omusango eri kitange ennaku zonna.

- 33** Kale nno, nkwegayiridde, omuddu wo abeere wano mu kifo ky'omulenzi okuba omuddu wa mukama wange; n'omulenzi ayambukire wamu ne baganda be.
- 34** Kubanga ndyambuka ntya eri kitange, n'omulenzi nga tali wamu nange? nneme okulaba akabi akalituuka ku kitange.

Essuula 45

- 1** Awo Yusufu n'alemwa okuzibiikiriza mu maaso g'abo bonna abayimiridde okumpi naye; n'ayogerera waggulu nti Mufulumye buli muntu bave gye ndi. Ne wataba muntu ayimiridde naye, Yusufu bwe yali yeeyoleka eri baganda be.
- 2** N'akaaba n'eddoboozi ddene: Abamisiri ne bawulira, n'ennyumba ya Falaawo n'ewulira.
- 3** Yusufu n'agamba baganda be nti Nze Yusufu; kitange akyali mulamu? Baganda be ne batayinza kumuddamu; kubanga beeraliikirira mu maaso ge.
- 4** Yusufu n'agamba baganda be nti Munsemerere, mbeegayiridde. Ne basembera. N'ayogera nti Nze Yusufu muganda wammwe, gwe mwatunda e Misiri.
- 5** Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno: kubanga Katonda ye yankulembeza mmwe okuwonya mu kufa.
- 6** Enjala yaakamaze mu nsi emyaka ebiri: era ekyasigaddeyo etaano, gye batagenda kulimiramu newakubadde okukungula.
- 7** Era Katonda ye yankulembeza mmwe okubawonyeza abalisigala ku mmwe mu nsi, n'okubalokola muleme okufa mu kuwonya okw'ekitalo.
- 8** Kale nno si mmwe mwansindika muno, wabula Katonda: era yanfuula kitaawe wa Falaawo, era omwami w'ennyumba ye yonna, era omukulu afuga ensi yonna ey'e Misiri:
- 9** Mwanguwe, mwambuke mugende eri kitange, mumugambe nti Omwana wo Yusufu bw'ayogera bw'ati nti Katonda yanfuula omwami w'e Misiri yonna : oserengete ojje gye ndi, tolwawo:
- 10** era onootuulanga mu nsi ey'e Goseni, naawe onoobeeranga kumpi nange, ggwe n'abaana bo, n'abaana b'abaana bo, n'endiga zo n'ente zo, ne byonna by'olina:
- 11** era naakuliisizanga eyo; kubanga ekyasigaddeyo emyaka etaano egy'enjala; oleme okwavuwala, ggwe n'ennyumba yo ne byonna by'olina.
- 12** Era, laba, amaaso gammwe galaba, era n'amaaso ga muganda wange Benyamini, ng'akamwa kange ke koogera nammwe.
- 13** Era mulibuulira kitange ekitiibwa kyange kyonna mu Misiri bwe kiri, ne byonna bye mulabye; era mwanguwe muserengese kitange mumuleete wano.
- 14** N'agwa muganda we Benyamini mu bulago n'akaaba amaziga; Benya mini n'akaabira mu bulago bwe.
- 15** N'anywegera baganda be bonna, n'akaabira ku bo: oluvannyuma baganda be ne banyumya naye.
- 16** N'ebigambo ebyo ne biwulirwa mu nnyumba ya Falaawo, nti Baganda ba Yusufu bazze : ne bisanyusa nnyo Falaawo n'abaddu be.
- 17** Falaawo n'agamba Yusufu nti Gamba baganda bo nti Mukole bwe muti; muteeke ebintu ku nsolo zammwe, mugende muserengete mu nsi ya Kanani;
- 18** mutwale kitammwe n'ennyumba zammwe, mujje ewange: nange ndibawa ebirungi eby'omu nsi y'e Misiri, era munaalyanga obugimu obw'ensi.
- 19** Kaakano olagiddwa, mukole bwe muti: mutwalire abaana bammwe abato ne bakazi bammwe amagaali mu nsi y'e Misiri, muleete kitammwe mujje.
- 20** Era temulowooza bintu byammwe; kubanga ebirungi eby'omu nsi y'e Misiri

byammwe.

- 21 Abaana ba Isiraeri ne bakola bwe batyo: Yusufu n'abawa amagaali, nga Falaawo bwe yalagira, n'abawa n'entanda ey'omu kkubo.
- 22 Bonna n'abawa buli muntu ebyambalo eby'okukyusizaamu; naye n'awa Benyamini ebitundu eby'effeeza ebikumi bisatu n'ebambalo eby'okukyusizaamu engeri ttaano.
- 23 Ne kitaawe n'amuweereza bw'ati; endogoyi kkumi ezeetisse ebirungi eby'omu Misiri, n'endogoyi enkazi kkumi ezeetisse eaano n'emmere n'eb yokulya kitaawe by'aliriira mu kkubo.
- 24 Bw'atyo n'asiibula baganda be ne bagenda: n'abagamba nti Mwekuume muleme okuyombera mu kkubo.
- 25 Ne bayambuka ne bava mu Misiri, ne bajja mu nsi ya Kanani eri Yakobo kitaabwe.
- 26 Ne bamugamba nti Yusufu akyali mulamu, era ye mukulu afuga ensi yonna ey'e Misiri. Omutima gwe ne guzirika kubanga teyabakkiriza.
- 27 Ne bamugamba ebigambo byonna ebya Yusufu, bye yababuulira: kale bwe yalaba amagaali Yusufu ge yaweereza okumusitula, omwoyo gwa Yakobo kitaabwe ne gudadamu amannyi:
- 28 Isiraeri n'ayogera nti Kinaamala; Yusufu omwana wange akyali mulamu: ndigenda okumulaba nga sinnafa.

Essuula 46

- 1 Isiraeri n'atambula ng'atwala byonna bye yalina, n'ajja e Beeruseba, n'awaayo sadaaka eri Katonda wa kitaawe Isaaka.
- 2 Katonda n'ayogera ne Isiraeri mu kwolesebwa okw'ekiro, nti Yakobo, Yakobo. N'ayogera nti Nze nzuuno.
- 3 N'ayogera nti Nze Katonda, Katonda wa kitaawo: totya kuserengeta mu Misiri; kubanga ndikufuulira eyo eggwanga eddene:
- 4 ndiserengeta naawe mu Misiri; era sirirema kukuggyamu nate: era Yusufu aliteeka engalo ze ku maaso go.
- 5 Yakobo n'agolokoka n'ava mu Beeruseba: abaana ba Isiraerii ne basitulira Yakobo kitaabwe, n'abaana baabwe abato n'abakazi baabwe, mu magaalii Falaawo ge yaweereza okumusitula.
- 6 Ne batwala ensolo zaabwe n'ebintu byabwe bye baafuna mu nsi ya Kanani, ne bajja mu Misiri, Yakobo n'ezzadde lye lyonna awamu naye:
- 7 batabani be n'abaana ba batabani be wamu naye, bawala be n'abawala ba batabani be, n'ezzadde lye lyonna be yatwala naye bwe yagenda mu Misiri.
- 8 N'amaanya g'abaana ba Isiraeri, abajja mu Misiri, Yakobo ne batabani be, ge gano: Lewubeeni, omubereberye wa Yakobo.
- 9 Ne batabani ba Lewubeeni: Kanoki, ne Palu, ne Kezulooni; ne Kalumi.
- 10 N'abaana ba Simyoni abasajja; Yemweri, ne Yamini, ne Okadi, ne Yakini, ne Zokali, ne Sawuli omwana w'omukazi Omukanani.
- 11 Ne batabani ba Leevi; Gerusoni, Kokasi, ne Merali.
- 12 Ne batabani ba Yuda; Eri, ne Onani, ne Seera, ne Preezi, ne Zeera: naye Eri ne Onani baafiira mu nsi ya Kanani. Ne batabani ba Preezi baali Kezulooni ne Kamuli.
- 13 Ne batabani ba Isakaali; Tola, ne Puva, ne Yobu, ne Simulooni.
- 14 Ne batabani ba Zebulooni; Seredi, ne Eroni, ne Yaleeri.
- 15 Abo be batabani ba Leeya, be yazaalira Yakobo mu Padanalaamu, awamu n'omuwala we Dina: abaana be bonna abasajja n'abakazi baali obulamu asatu mu busatu.
- 16 Ne batabani ba Gaadi: Zifiyooni, ne Kagi, Suni, ne Ezeboni, Eri, ne Alodi, ne Aleri
- 17 Ne batabani ba Aseri; Imuna, ne Isuva, ne Isuvi, ne Beriya, ne Seera mwannyinaabwe:

ne batabani ba Beriya; Keberi, ne Malukiyeeri.

- 18 Abo be batabani ba Zirupa, Labbaani gwe yawa Leeya omwana we, era abo be yazaalira Yakobo, bwe bulamu ekkumi n'omukaaga.
- 19 Batabani ba Laakeeri mukazi wa Yakobo; Yusufu ne Benyamini.
- 20 Era Yusufu n'azaalirwa mu nsi y'e Misiri Manase ne Efulayimu, Asenaasi omwana wa Potiferi kabona ow'e Oni be yamuzaalira.
- 21 Ne batabani ba Benyamini; Bera, ne Bekeri, ne Auberi, ne Gera, ne Naamani, Eki, ne Losi, Mupimu, ne Kupimu, ne Aludi.
- 22 Abo be batabani ba Laakeeri, abaazaalirwa Yakobo: obulamu bwonna bwali kkumi na buna.
- 23 Ne batabani ba Ddaani; Kusimu.
- 24 Ne batabani ba Nafutaali; Yazeeri, ne Guni, ne Yezeri, ne Siremu.
- 25 Abo be batabani ba Bira, Labbaani gwe yawa Laakeeri omwana we, era abo be yazaalira Yakobo: obulamu bwonna bwali musanvu.
- 26 Obulamu bwonna obwayingira mu Misiri awamu ne Yakobo, obwava mu ntumbwe ze, obutassaako bakazi b'abaana ba Yakobo, obulamu bwonna bwali nkaaga mu mukaaga;

- 27 ne batabani ba Yusufu, abaamuzaalirwa mu Misiri, baali bulamu bubiri: obulamu bwonna obw'ennyumba ya Yakobo, obwayingira mu Misiri, bwali nsanvu.
- 28 N'atuma Yuda okumukulembere eri Yusufu, okulaga ekkubo mu maaso ge erigenda mu Goseni; ne batuuka mu nsi y'e Goseni.
- 29 Yusufu n'ateekateeka eggaali lye, n'ayambuka okusisinkana Isiraeri kitaawe, mu Goseni; ne yeeraga gy'ali, n'amugwa mu bulago, n'akaaba amaziga mu bulago bwe ekiseera ekinene.
- 30 Isiraeri n'agamba Yusufu nti Kaakano ka nfe, kubanga ndabye amaaso go, ng'okwali mulamu.
- 31 Yusufu n'agamba baganda be n'ennyumba ya kitaawe nti N'ayambuka ne mbuulira Falaawo ne mmugamba nti Baganda bange n'ennyumba ya kitange, abaali mu nsi Kanani, baze ewange:
- 32 era abasajja be basumba, kubanga baalundanga nte; era baleese endiga zaabwe n'ente zaabwe ne byonna bye balina.
- 33 Awo olulituuka Falaawo bw'alibayita bw'alyogera nti Emirimu gyammwe ki?
- 34 Mwogeranga nti Abaddu bo baalundanga nte okuva mu buto bwaffe okutuusa leero, ffe era ne bajjajja baffe: mulyoke mutuule mu nsi y'e Goseni: kubanga buli musumba kya muzizo eri Abamisiri.

Essuula 47

- 1 Yusufu n'alyoka ayingira n'abuulira Falaawo n'ayogera nti Kitange ne baganda bange, endiga zaabwe, n'ente zaabwe ne byonna bye balina, batuuse bavudde mu nsi ya Kanani; era, laba, bali mu nsi y'e Goseni.
- 2 N'alonda ku baganda be abasajja bataano, n'abaleetera Falaawo.
- 3 Falaawo n'agamba baganda be nti Emirimu gyammwe ki? Ne bagamba Falaawo nti Abaddu bo basumba, ffe era ne bajjajja baffe.
- 4 Ne bagamba Falaawo nti Tuzze okutuula mu nsi; kubanga tewali muddo gwa bisibo bya baddu bo; kubanga enjala nnyingi mu nsi ya Kanani: kale nno kaakano, tukwe-gayiridde, abaddu bo batuule mu nsi y'e Goseni
- 5 Falaawo n'agamba Yusufu nti Kitaawo ne baganda bo baze ewuwo:
- 6 ensi y'e Misiri eri mu maaso go; awasinga obulungi mu nsi tuuza awo kitaawo ne baganda bo; batuule mu nsi y'e Goseni: era oba nga omanyi ku bo ab'amagezi, kale

bafuule abakulu b'ente zange.

- 7 Yusufu n'ayingiza Yakobo kitaawe, n'amuteeka mu maaso ga Falaawo: Yakobo n'asabira Falaawo omukisa.
- 8 Falaawo n'agamba Yakobo nti Ennaku ez'emyaka egy'obulamu bwo ziri mmeka?
- 9 Yakobo n'agamba Falaawo nti Ennaku ez'emyaka egy'okutambula kwange ziri myaka kikumi mu asatu: ennaku ez'emyaka egy'obulamu bwange ziri ntono era mbi, so teziwera nnaku za myaka gya bulamu bwa bajjajja bange mu nnaku ez'okutambula kwabwe.
- 10 Yakobo n'asabira Falaawo omukisa, n'ava mu maaso ga Falaawo.
- 11 Yusufu n'atuza kitaawe ne baganda be, n'abawa obutaka mu nsi y'e Misiri, awasinga obulungi mu nsi, mu nsi ya Lamesesi, nga Falaawo bwe yalagira.
- 12 Yusufu n'aliisa kitaawe ne baganda be n'ekika kyonna ekya kitaawe n'emmere, ng'ennyumba zaabwe bwe zaali.
- 13 Ne wataba mmere mu nsi yonna: kubanga enjala yali nnyingi nnyo, ensi y'e Misiri n'ensi ya Kanani n'okuzirika ne zizirika olw'enjala.
- 14 Yusufu n'akuaaaya effeeza yonna eyalabikira mu nsi y'e Misiri ne mu nsi ya Kanani, ng'abaguza eaano: Yusufu n'aleeta effeeza mu nnyumba ya Falaawo.
- 15 Effeeza yonna bwe yaggwa mu nsi y'e Misiri ne mu nsi ya Kanani, Abamisiri bonna ne bajjira Yusufu ne boogera nti Tuwe emmere: kubanga kyetunaava tufiira mu maaso go kiki? kubanga effeeza etubuze.
- 16 Yusufu n'ayogera nti Muweeyo ensolo zammwe; nange n'abaweeranga ensolo zammwe, effeeza bw'eribabula.
- 17 Ne baleetera Yusufu ensolo zaabwe Yusufu n'abawaanyisa emmere n'embalaasi n'endiga n'ente n'endogoyi: n'abaliisiza emmere omwaka ogwo ng'abawaanyisiza ensolo zaabwe zonna.
- 18 Omwaka ogwo bwe gwaggwaako, ne bamujjira mu mwaka ogw'okubiri, ne bamugamba nti Tetuukise mukama wange ng'effeeza yaffe yonna yaggwaawo; n'ebisibo by'ensolo bya mukama wange: tewali ekisigaddewo mu maaso ga mukama wange, wabula emibiri gyaffe n'ebyalo byaffe:
- 19 kyetunaava tufiira mu maaso go kiki, ffe n'ensi yaffe era? tugule ffe n'ensi yaffe n'emmere, naffe n'ensi yaffe tuliba baddu ba Falaawo: tuwe ensigo, tube abalamu tuleme okufa, ensi ereme okuzika.
- 20 Awo Yusufu n'agulira Falaawo ensi yonna ey'e Misiri; kubanga Abamisiri baatunda buli muntu ennimiro ye, kubanga enjala yabayingirira: ensi n'efuuka ya Falaawo.
- 21 N'abantu n'abajjulula n'abassa mu bibuga okuva ku nsalo y'e Misiri weekoma okutu-
usa ku nkomerero yaayo endala.
- 22 Ensi ya bakabona yokka gy'ataagula: kubanga bakabona baali balina omugabo gwabwe gwe baaweebwanga Falaawo, ne balyanga omugabo gwabwe Falaawo gwe yabawanga; kyebaava balema okutunda ensi yaabwe.
- 23 Yusufu n'alyoka agamba abantu nti Laba, ngulidde leero Falaawo mmwe n'ensi yammwe: laba, ensigo zammwe ziizino, munaasiga ensi.
- 24 Era olulituuka bwe munaakungulanga, munaawanga Falaawo ekitundu eky'okutaano, n'ebitundu ebina bye binaabanga ebyammwe, okuba eby'okusiga ennimiro n'okuba emmere yammwe era n'ab'omu nnyumba zammwe n'okuba emmere ey'abaana bammwe abato.
- 25 Ne boogera nti Otuwonyezza mu kufa: tulabe ekisa mu maaso ga mukama wange, era tuliba baddu ba Falaawo.
- 26 Yusufu n'ateeka etteeka eryo ery'ensi y'e Misiri ne leero, Falaawo okuweebwanga ekitundu eky'okutaano; naye ensi ya bakabona yokka ye etaafuuka ya Falaawo.
- 27 Isiraeri n'atuula mu asi y'e Misiri, mu nsi y'e Goseni; ne bafunira omwo ebintu, ne

baala, ne beeyongera nnyo.

- 28 Yakobo n'amala emyaka kkumi na musanvu mu nsi y'e Misiri: bwe zityo ennaku za Yakobo, emyaka egy'obulamumu bwe, zaali myaka kikumi mu ana mu musanvu.
- 29 Ebiro ne bitera okutuuka Isiraeri by'agenda okufiramu: n'ayita omwana we Yusufu, n'amugamba nti Obanga kaakano ndabye ekisa mu maaso go, nkwegayiridde, teeka omukono gwo wansi w'ekisambi kyange, onkolere eby'ekisa n'eby'amazima; tonzi-ikanga, nkwegayiridde, mu Misiri:
- 30 naye bwe ndyebakira awamu ne bajjajja bange, onsitule onziye mu Misiri, onziike mu kifo kyabwe eky'okuziikangamu. N'ayogera nti Ndikola nga bw'oyogedde.
- 31 N'ayogera nti Ndayirira: n'amulayirira. Isiraeri n'avuunama emitwetwe.

Essuula 48

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo ne bagamba Yusufu nti Laba, kitaawo alwadde: n'atwala naye abaana be abasajja bombi, Manase ne Efulayimu.
- 2 Ne bagamba Yakobo nti Laba, omwana wo Yusufu ajja gy'oli: Isiraeri ne yeekakaabiriza, n'atuula ku kitanda.
- 3 Yakobo n'agamba Yusufu nti Katonda Omuyinza w'ebintu byonna yandabikira e Luzi mu nsi ya Kanani, n'ampa omukisa,
- 4 n'aamba nti Laba, ndikwaza, ndikwongera, ndikufuula ekibiina ky'amawanga; era ndiwa ezzadde lyo eririddawo ensi eno okuba obutaka obw'emirembe n'emirembe.
- 5 Ne kaakano abaana bo abasajja bombi, abaakuzaalirwa mu nsi y'e Misiri nga sinnakujjira mu Misiri, bange; Efulayimu ne Manase banaabanga bange, nga Lewubeeni se Simyoni.
- 6 N'ezzadde lyo, ly'onoozaalanga oluvannyuma lw'abo, linaabanga liryo: banaatumibwanga erinnya lya baganda baabwe mu busika bwabwe.
- 7 Nange, bwe nnavu mu Padani, Laakeeri n'anfaako mu nsi ya Kanani mu kkubo, nga wakyaliyo ebbanga ddeneko okutuuka ku Efulasi: ne mmuziika eyo mu kkubo erigenda e Efulasi (ye Besirekemu).
- 8 Isiraeri n'alaba abaana ba Yusufu, n'ayogera nti Bano be baani?
- 9 Yusufu n'agamba kitaawe nti Be baana bange Katonda be yampeera wano. N'ayogera nti Baleete, nkwegayiridde, nange naabasabira omukisa.
- 10 Era amaaso ga Isiraeri gaali gazibye olw'obukadde, n'okuyinza teyayinza kulaba. N'abamusembereza; n'abanywegera n'abawambaatira.
- 11 Isiraeri n'agamba Yusufu nti Nali sirowooza kulaba maaso go: era, laba, Katonda andabisizza n'ezzadde lyo.
- 12 Yusufu n'abaggya mu maviivi ge wakati; n'avuunama amaaso ge.
- 13 Yusufu n'abakwata bombi, Efulayimu n'omukono gwe ogwa ddyo awali omukono ogwa kkono ogwa Isiraeri, ne Manase n'omukono gwe ogwa kkono awali omukono ogwa ddyo ogwa Isiraeri, n'abasembeza gy'ali.
- 14 Isiraeri n'agolola omukono gwe ogwa ddyo, n'agussa ku mutwe gwa Efulayimu, ye muto, n'omukono gwe ogwa kkono ku mutwe gwa Manase, ng'atereeza emikono gye ng'amanyi; kubanga Manase ye yali omuberebereye.
- 15 Nasabira Yusufu omukisa n'ayogera nti Katonda wa bajjajja bange Ibulayimu ne Isaaka gwe baatambuliranga mu maaso ge, Katonda eyandiisanga ennaku zange zonna okutuusa leero,
- 16 malayika eyannunula mu bubi bwonna, awe omukisa abalenzi; n'erinnya lyange lituumibwenga ku bo, n'erinnya lya bajjajja bange Ibulayimu ne Isaaka; era bafuuke ekibiina ekinene wakati mu nsi.
- 17 Yusufu bwe yalaba nga kitaawe assizza omukono gwe ogwa ddyo ku mutwe gwa

Efulayimu, n'anyiiga: n'asitula omukono gwa kitaawe okuguggya ku mutwe gwa Efulayimu okugussa ku mutwe gwa Manase.

- 18 Yusufu n'agamba kitaawe nti Nedda, kitange: kubanga oyo ye mubereberye; ssa omukono gwo ogwa ddyo ku mutwe gwe.
- 19 Kitaawe n'agaana n'ayogera nti Mmanyi, mwana wange, mmanyi: era naye alifuuka ggwanga, era naye aliba mukulu: naye omwana waabo ye alimusinga obukulu, n'ezzadde lye liriba mawanga mangi.
- 20 N'abasabira omukisa ku lunaku olwo, ng'ayogera nti Mu ggwe Isiraeri anaasabanga omukisa, ng'ayogera nti Katonda akufuule nga Efulayimu ne Manase: Efulayimu n'amusoosa Manase.
- 21 Isiraeri n'agamba Yusufu nti Laba, nfa: naye Katonda anaabanga wamu nammwe, alibazza nate mu nsi ya bajjajja bammwe.
- 22 Era nkuwadde ggwe omugabo gumu okusinga baganda bo, gwe nnaggya mu mukono gw'omu Amoli n'ekitala kyange n'omutego gwange.

Essuula 49

- 1 Yakobo n'ayita abaana be abasajja, n'ayogera nti Mukuaane ndyoke mbabuulire ebiribabaako mu nnaku ez'enkomerero.
- 2 Mukuaane, muwulire, mmwe abaana ba Yakobo; Muwulire Isiraeri kitammwe.
- 3 Lewubeeni, ggwe oli mubereberye wange, buyinza bwange, era amaanyi gange mwe gasookera; Ekitiibwa ekisinga, n'obuyinza obusinga.
- 4 Omulebevu ng'amazzi tolisinga; Kubanga walinyya ku kitanda kya kitaawo: N'okig-wagwawaza: yalinnya ku kiriri kyange.
- 5 Simyoni ne Leevi baaluganda; Ebitala byabwe bya kulwanyisa bya maanyi.
- 6 Ggwe emmeeme yange, tojjanga mu lukiiko lwabwe; Ggwe ekitiibwa kyange, tewee-gattanga n'ekibiina kyabwe; Kubanga olw'obusungu bwabwe batta omusajja, N'olw'eddalu lyabwe baatema ente olunywa.
- 7 Obusungu bwabwe bukolimirwe, kubanga bungi; N'obukambwe bwabwe, kubanga bwa ttima: Ndibaawula mu Yakobo, Ndibasaasanya mu Isiraeri.
- 8 Yuda, ggwe baganda bo banaakutenderezanga: Omukono gwo gunaabanga ku bulago bw'abalabe bo; Abaana ba kitaawo banaakutamanga mu maaso go.
- 9 Yuda ye mwana w'empologoma; Olinnye mwana wange, ng'ovudde ku muyiggo: Yakutama, yabwama ng'empologoma, Era ng'empologoma enkazi; ani anaamubuusa?
- 10 Effumu lya kabaka teriivenga ku Yuda, Newakubadde omuggo gw'oyo afuga teguu-venga wakati mu bigere bye, Okutuusa Siiro lw'alijja; N'oyo abantu gwe banaawuliranga.
- 11 Ng'asiba omwana w'ensolo ye ku muzabbibu, N'omwana w'endogoyi ye ku muzab-bibu ogusinga obulungi; Yayoza ebyambalo bye n'omwenge, N'engoye ze n'omusaayi gw'ezzabbibu:
- 12 Amaaso ge ganaamyukanga n'omwenge, N'amannyo ge ganaatukulanga n'amata.
- 13 Zebbulooni anaatuulanga ku ttale ly'ennyanja: Anaabanga omwalo ogw'amaato; N'ensalo ye eneebanga ku Sidoni.
- 14 Isakaali ye ndogoyi erina amaanyi, Egalamira awali ebisibo by'endiga:
- 15 N'alaba okuwummula nga kulungi, N'ensi nga ya kwesiima; N'akutamya ekibegabega kye okusitula, N'afuuka omuddu alagirwa emirimu.
- 16 Ddaani anaasaliranga abantu be emisango, Ye nga kye kika mu bika bya Isiraeri.
- 17 Ddaani anaabanga omusota mu luguudo, Embalasaasa mu kkubo, Eruma embalaasi ebinuulo, N'okugalanjuka ey'ebagadde n'agalanjuka.

- 18 Nindiridde obulokozi bwo, ai Mukama.
- 19 Gaadi, ekibiina kirimunyigiriza: Naye alinyigiriza ekisinziro kyabwe.
- 20 Mu Aseri emmere ye eneebanga ngimu, Anaaleetanga enva ennungi eza kabaka.
- 21 Nafutaali ye mpeewo esumuluddwa: Ayogera ebigambo ebirungi.
- 22 Yusufu lye ttabi eribala ennyo. Ettabi eribala ennyo awali oluzzi; Abaana be babuna bbugwe.
- 23 Abalasa obusaale baamunakuwaza nnyo, Baamulasa, baamuyigganya:
- 24 Naye omutege gwe ne gunywera n'amaanyi, N'emikono gy'engalo ze ne giweebwa amaanyi, Eri emikono gy'Omuyinza wa Yakobo, (Omuva omusumba, ejjinja lya Isiraeri.)
- 25 Ye Katonda wa kitaawo, anaakubeeranga, Ye Muyinza w'ebintu byonna, anaakuwanga omukisa, Omukisa oguva mu ggulu waggulu, N'omukisa oguva mu nnyanja egalamira wansi, N'omukisa oguva mu mabeere, n'oguva mu lubuto.
- 26 Omukisa gwa kitaawo Gusingidde ddala omukisa gwa bajjajja bange, Okutuusa ku nsalo ey'enkomerero: ey'ensozi ezitaliggwaawo: Gunaabanga ku mutwe gwa Yusufu.
- 27 Benyamini gwe musege ogunyaga: Enkya anaalyanga omuyiggo, Era akawungeezi anaagabanga omunyago.
- 28 Ebyo byonna bye bika bya Isiraeri ekkumi n'ebibiri: n'ebyo kitaabwe bye yababuulira n'abasabira omukisa; buli muntu ng'omukisa gwe bwe gwali bwe yabasabira bw'atyo omukisa.
- 29 N'abakuutira, n'abagamba nti enda okutwalibwa awali abantu bange: munziikanga wamu ne bajjajja bange mu mpuku eri mu nnimiro ya Efulooni Omukiiti,
- 30 mu mpuku eri mu nnimiro ya Makupeera, eri mu maaso ga Mamule, mu nsi ya Kanani, Efulooni Omukiiti gye yaguza Ibulayimu awamu n'ennimiro okuba obutaka obw'okuziikangamu:
- 31 eyo gye baaziika Ibulayimu ne Saala mukazi we; eyo gye baaziika Isaaka ne Lebbeeka mukazi we; era eyo gye nnaziika Leeya:
- 32 ennimiro n'empuku egirimu, abaana ba Keesi gye baabaguza.
- 33 Awo Yakobo bwe yamala okukuutira abaana be, n'afunya amagulu ge ku kitanda, n'ata obulamu, n'atwalibwa eri abantu be.

Essuula 50

- 1 Yusufu n'agwa ku maaso ga kitaawe, n'amukaabirako, n'amunywegera:
- 2 Yusufu n'alagira abaddu be abasawo okukalirira kitaawe: abasawo ne bakalirira Isiraeri.
- 3 Ne bamala ennaku ana nga bamukalirira; kubanga bwe zityo ennaku ez'okukaliriramu bwe zenkana okuzimala: Abamisiri ne bamala ennaku nsanvu nga bakumye olumbe ku bubwe.
- 4 Awo ennaku ez'okumukaabira bwe zaggwa, Yusufu n'agamba ennyumba ya Falaawo nti Oba nga kaakano ndabye ekisa mu maaso gammwe, mbeegayiridde, mwogerere mu matu ga Falaawo nti
- 5 Kitange yandayiza ng'ayogera nti Laba, nfa: mu ntaana gye nneesimira mu nsi ya Kanani mw'olinziika. Kale kaakano nkwegayiridde, nnyambuke, nziike kitange, era ndikomawo.
- 6 Falaawo n'ayogera nti Yambuka oziike kitaawo nga bwe yakulayiza.
- 7 Yusufu n'ayambuka okuziika kitaawe: ne wagenda naye abaddu bonna aba Falaawo, abakadde ab'ennyumba ye n'abakadde bonna ab'ensi y'e Misiri,
- 8 n'ennyumba yonna eya Yusufu, ne baganda be n'ennyumba ya kitaawe: abaana baabwe abato, n'endiga zaabwe n'ente zaabwe ebyo byokka bye baaleka mu nsi y'e

Goseni.

- 9 Ne wayambuka naye amagaali era n'abeebagadde ku mbalaasi: ne kiba ekibiina ekinene ennyo.
- 10 Ne batuuka ku gguliro lya Atadi, eriri emitala wa Yoludaani, ne bakubira eyo ebiwoobe bingi binene nnyo: n'amala ennaku musanvu, ng'akaabira kitaawe.
- 11 N'abo abaatuulanga mu nsi, Abakanani, bwe baalaba nga bakaabira mu gguliro lya Atadi, ne boogera nti Okukaaba kuno kungi eri Abamisiri: kyeryava lituumibwa erinnya Aberumiziraimu, ekiri emitala wa Yoludaani.
- 12 Abaana be ne bamukolera nga bwe yabalagira:
- 13 bwe kityo abaana be ne bamusitula ne bamutwala mu nsi ya Kanani, ne bamuziika mu mpuku ey'omu nnimiro ya Makupeera, Ibulayimu gye yagula awamu n'ennimiro, okuba obutaka okuziikangamu, eri Efulooni Omukiiti, eri mu maaso ga Mamule.
- 14 Yusufu n'addayo mu Misiri ye ne baganda be ne bonna abaagenda naye okuziika kitaawe, bwe yamala okuziika kitaawe.
- 15 Baganda ba Yusufu bwe baalaba nga kitaabwe yafa, ne boogera nti Mpozzi Yusufu agenda okutukyawa, n'okutuwalanirako ddala obubi bwonna bwe twamukola.
- 16 Ne batumira Yusufu nga boogera nti Kitaatvo yalagira bwe yali nga tannafa ng'ayogera nti
- 17 Bwe mutyo bwe muligamba Yusufu nti Nkwegayiridde kaakano, sonyiwa okwonoona kwa baganda bo n'ekibi kyabwe, kubanga baakukola ubi: ne kaakano, tukwegayiridde, sonyiwa okwonoona kw'abaddu ba Katonda wa kitaawo. Yusufu n'akaaba amaziga bwe baayogera naye.
- 18 Ne baganda be n'okugenda ne baganda ne bavunama mu maaso ge; ne boogera nti Laba, tuli baddu bo.
- 19 Yusufu n'abagamba nti Temutya: nze ndi mu kifo kya Katonda?
- 20 Nammwe, mwali mwagala okundeetako ebibi; naye Katonda yali ayagala okundeetako ebirungi, nga era bwe kibadde, okuwonya abantu abangi baleme okufa.
- 21 Kale kaakano temutya: nnaabaliisanga mmwe n'abaana bammwe abato. Naabasanyusa, nnaabagamba eby'ekisa.
- 22 Yusufu n'atuulanga mu Misiri ye n'ennyumba ya kitaawe: Yusufu n'awangaala emyaka kikumi mu kkumi.
- 23 Yusufu n'alaba abaana ba Efulayimu bannakabirye: era n'abaana ba Makiri omwana wa Manase baazalirwa ku maviivi ga Yusufu.
- 24 Yusufu n'agamba baganda be nti Nfa: naye Katonda telirema kubajjira n'okubaggya mu nsi eno okubatwala mu nsi gye yalayirira Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo.
- 25 Yusufu n'alayiza abaana ba Isiraeri ng'ayogera nti Katonda talirema kubajjira, nammwe mulitwala amagumba gange nga mugaggya muno.
- 26 Bw'atyo Yusufu n'afa, nga yaakamaze emyaka kikumi mu kkumi: ne bamukalirira; ne bamuteeka mu ssanduuko ey'okuziikamu mu Misiri.

Okuva

Essuula 1

- 1 Gano ge mannya g'abaana ba Isiraeri abaatuuka mu Misiri; buli muntu n'ennyumba ye n'ajja awamu ne Yakobo.
- 2 Lewubeeni, Simyoni, Leevi, ne Yuda;
- 3 Isakaali, Zebbulooni, ne Benyamini;
- 4 Ddaani ne Nafutaali, Gaadi ne Aseri.
- 5 Abantu bonna abaava mu ntumbwe za Yakobo ne baba emyoyo nsanvu: naye Yusufu yali ng'amaze okubeera mu Misiri.
- 6 Yusufu n'afa, ne baganda be bonna, n'emirembe giri gyonna.
- 7 Abaana ba Isiraeri ne bazaala, ne beeyongera nnyo, ne baba bangi, ne baba ba maanyi nnyo; ensi n'ejjula abo.
- 8 Awo ne walya kabaka omuggya mu Misiri ataamanya Yusufu.
- 9 N'abagamba abantu be nti Laba, abantu b'abaana ba Isiraeri bangi ba maanyi okusinga ffe:
- 10 kale tubasalire amagezi; baleme okuba abangi, olutalo bwe lulijja baleme okwegatta n'abalabe baffe, okulwana naffe, okugolokoka okuva mu nsi.
- 11 Kyebaava babateekako abakoza okubabonyaabonya n'emigugu. Ne bamuzimbira Falaawo ebibuga eby'amaterekero, Pisomu ne Lamusesi.
- 12 Naye nga bwe beeyongera okubabonyaabonya, bwe batyo bo bwe beeyongera obungi n'okubuna. Ne banakuwala olw'abaana ba Isiraeri.
- 13 Abamisiri ne babakoza emirimu abaana ba Isiraeri n'amaanyi:
- 14 ne bakaayisa obulamu bwabwe mu buddu obuzibu, okutegana n'ebbumba n'amatof-faali, era n'obuddu bwonna obw'omu nsuku, obuddu bwonna bwe baabakoza n'amaanyi.
- 15 Kabaka w'e Misiri n'abagamba abazaalisa Abaebbulaniya, erinnya ly'omu Sifira, erinnya ly'ow'okubiri Puwa:
- 16 n'ayogera nti Bwe mubakolanga abakazi Abaebbulaniya emirimu egy'obuzaalisa, bwe mubalabanga nga bali ku ntebe; omwana bw'abanga ow'obulenzi, mumuttanga; naye bw'abanga ow'obuwala, abeeranga mulamu.
- 17 Naye abazaalisa ne bamutya Katonda, so kebaakola nga bwe baalagirwa kabaka w'e Misiri, naye baabakuuma abaana ab'obulenzi nga balamu.
- 18 Kabaka w'e Misiri n'abayita abazaalisa, n'abagamba nti Kiki ekibakoza ekigambo ekyo, ne mubakuuma abaana ab'obulenzi nga balamu?
- 19 Abazaalisa ne bamugamba Falaawo nti Kubanga abakazi Abaebbulaniya tebali ng'abakazi Abamisiri; kubanga balamu, abazaalisa we bagenda okubatuukirako nga bamaze okuzaala.
- 20 Katonda n'akola bulungi abazaalisa: abantu ne baba bangi, ne baba ba maanyi nnyo.
- 21 Awo kubanga abazaalisa baatya Katonda, n'abawa abaana.
- 22 Falaawo n'alagira abantu be bonna n'ayogera nti Buli mulenzi alizaalibwa mumusuu-langa mu mugga, buli muwala mumulekanga.

Essuula 2

- 1 Omuntu ow'omu nnyumba ya Levi n'agenda n'awasa muwala wa Levi.
- 2 Omukazi n'aba olubuto n'azaala omwana wa bulenzi: naye bwe yamulaba nga mulungi, n'amukwekera emyezi esatu.
- 3 Awo bw'ataayinza kwongera kumukweka, n'amukolera ekibaya eky'ebitoogo,

n'akisiiga ebitosi n'envumbo; omwana n'amuteeka munda; n'akiteeka mu kitoogo ku lubalama lw'omugga.

- 4 Mwannyinna n'ayimirira wala amanye ekinaamubeerako.
- 5 Muwala wa Falaawo n'aserengeta okunaaba ku mugga; abazaana be ne batambula ku lubalama lw'omugga; n'alaba ekibaya mu kitoogo, n'atuma omuzaana we okukireeta.
- 6 n'akisumulula, n'alaba omwana: laba, omwana n'akaaba; n'amusaasira, n'ayogera nti Ono ye munne w'abaana ba Baebbulaniya.
- 7 Awo mwannyina n'amugamba omuwala wa Falaawo nti ende nkuyitire omulezi mu bakazi Abaebbulaniya akuyonseze omwana?
- 8 Muwala wa Falaawo n'amugamba nti Kale. Omuwala n'agenda n'amuyita nnyina w'omwana.
- 9 Muwala wa Falaawo n'amugamba nti Twala omwana ono omunnyonseze, nange ndikuwa empeera yo. Omukazi n'atwala omwana, n'amuyonsa.
- 10 Omwana n'akula, n'amuleetera muwala wa Falaawo, n'afuuka omwana we. N'amutu-uma erinnya lye Musa, n'ayogera nti Kubanga namuggya mu mazzi.
- 11 Awo olwatuuka mu nnaku ziri, ng'amaze okukula Musa, n'abajjira baganda be n'alaba emigugu gyabwe: n'alaba omuntu Omumisiri ng'akuba omuntu Omwebbulaniya, ow'omu baganda be.
- 12 N'amagamaga eruuyi n'eruyi n'alaba nga tewali muntu, n'alyoka amukuba Omumisiri, n'amukweka mu musenyu.
- 13 Awo ku lunaku olw'okubiri n'avaayo, laba, abasajja babiri ab'omu Baebbulaniya ne balwana: n'amugamba oli eyakola obubi nti Kiki ekikubizza munno.
- 14 N'ayogera nti Ani eyakuwa obukulu n'okutulamula ffe? Oyagala kunzita nze nga bwe watta Omumisiri? Musa n'atya n'ayogera nti Mazima ekigambo kino kimanyise.
- 15 Awo Falaawo bwe yawulira ekigambo ekyo, n'ayagala okumutta Musa. Naye Musa n'adduka mu maaso ga Falaawo, n'atuula mu nsi ya Midiyaani: n'atuula wansi okumpi n'oluzzi.
- 16 Ne kabona ow'e Midiyaani yalina abawala musanvu: ne bajja ne basena amazzi, ne bajjuza ebyesero ne bazinywesa endiga za kitaabwe.
- 17 Abasumba ne bajja ne babagoba: naye Musa n'agolokoka n'abayamba, n'anywesa ekisibo kyabwe.
- 18 Bwe bajja eri Leweri kitaabwe, n'ayogera nti Nga muzze mangu leero?
- 19 Ne boogera nti Omuntu Omumisiri yatuwonyezza mu mikono gy'abasumba, nate n'atusenera amazzi, n'anywesa ekisibo.
- 20 N'abagamba bawala be nti Ali luuyi wa? Kiki ekibalesezza omuntu oyo? Mumuyite alye emmere.
- 21 Musa n'akkiriza okutuula n'omuntu oyo: n'amuwa Musa muwala we Zipola.
- 22 N'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya lye Gerusomu: kubanga yagamba nti Nali mugenyi mu nsi etali yange.
- 23 Awo ennaku ziri bwe zaayitawo ennyingi, kabaka w'e Misiri n'afa: abaana ba Isiraeri ne basinda ku lw'obuddu bwabwe, ne bakaaba, n'okukaaba kwabwe ne kulinnya eri Katonda ku lw'obuddu bwabwe.
- 24 Katonda n'awulira okusinda kwabwe, Katonda n'ajjukira endagaano ye gye yalagaana ne Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo.
- 25 Katonda n'alaba abaana ba Isiraeri, Katonda n'abalowooza.

Essuula 3

- 1 Awo Musa yali ng'alunda ekisibo kya Yesero mukoddomi we, kabona w'e Midiyaani: n'atwala ekisibo ennyuma w'eddungu n'atuuka ku lusozi lwa Katonda Kolebu.

- 2 Malayika wa Mukama n'amulabikira mu lulimi lw'omuliro okuva wakati w'ekisaka: n'atunuulira, laba, ekisaka ekyo ne kyaka omuliro ekisaka ne kitasiriira.
- 3 Musa n'ayogera nti Ka nneekooloobye kaakati, ndabe ekigambo kino ekikulu, ekisaka kyekivudde kirema okusiriira.
- 4 Mukama bwe yalaba nga yeekooloobezza okulaba, Katonda n'amuyita ng'ayima wakati w'ekisaka n'ayogera nti Musa, Musa. N'ayitaba nti Nze nzuuno.
- 5 N'ayogera nti Tosembera wano: ggyamu engatto zo mu bigere byo, kubanga ekifo ky'oyimiriddemu ye ensi entukuvu.
- 6 N'ayogera nate nti Nze ndi Katonda wa kitaawo, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo. Musa n'akweka amaaso ge: kubanga yatya okumutunuulira Katonda.
- 7 Mukama n'ayogera nti Ndabidde ddala okubonaabona okw'abantu bange abali mu Misiri, ne mpulira okukaaba kwabwe ku lw'abo ababakoza; kubanga mmanyi ennaku zaabwe;
- 8 era nzise okubawonya mu mukono ogw'Abamisiri, okubalinnyisa okuva mu nsi eri bayingire mu nsi ennungi engazi, mu nsi ejjudde amata n'omubisi gw'enjuki; mu kifo eky'omu Kanani, n'eky'omu Kiiti, n'eky'omu Amoli, n'eky'omu Perizi, n'eky'omu Kiivi, n'eky'omu Yebusi.
- 9 Kale laba, okukaaba okw'abaana ba Isiraeri kutuuse gye ndi: nate ndabye okubonaabona kwe baababonyaabonya Abamisiri.
- 10 Kale nno jjangu, naakutuma eri Falaawo obaggyeyo abantu bange abaana ba Isiraeri mu Misiri.
- 11 Musa n'agamba Katonda nti Nze ani agenda eri Falaawo mbaggyeyo abaana ba Isiraeri mu Misiri?
- 12 N'ayogera nti Mazima ndibeera wamu naawe; era kano kalikubeerera akabonero, nga nze nkutumye: bw'olimala okuggya abantu abo mu Misiri, muliweerereza Katonda ku lusozi luno.
- 13 Musa n'agamba Katonda nti Laba, bwe ndigenda nze eri abaana ba Isiraeri, ne mbagamba nti Katonda wa bajjajja bammwe yantumye eri mmwe; nabo balyogera nti Erinnya lye ye ani? ndibagamba ntya?
- 14 Katonda n'agamba Musa nti NINGA BWE NDI: n'ayogera nti Bw'otyo bw'olibagamba abaana ba Isiraeri nti NDI ye antumye eri mmwe.
- 15 Katonda n'agamba nate Musa nti Bw'otyo bw'olibagamba abaana ba Isiraeri nti Mukama Katonda wa bajjajja bammwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo ye antumye eri mmwe: eryo lye linnya lyange ebiro ebitaggwaawo, n'ekyo kye kijjukizo kyange emirembe gyonna.
- 16 Genda okuaanye abakadde ba Isiraeri awamu, obagambe nti Mukama Katonda wa bajjajja bammwe, Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka, era owa Yakobo, yandabikidde ng'ayogera nti Mbajjiridde ddala, ndabye bye mukolebwa mu Misiri:
- 17 ne njogera nti Ndibalinnyisa okubaggya mu kibonoobono eky'e Misiri okuyingira mu nsi ey'Omukanani, n'Omukiiti n'Omwamoli, n'Omuperizi, n'Omukiivi, n'Omuyebusi, mu nsi ejjudde amata n'omubisi gw'enjuki.
- 18 Balikuwulira eddoboosi lyo: olijja, ggwe n'abakadde ba Isiraeri, eri kabaka w'e Misiri, mulimugamba nti Mukama, Katonda wa Baebbulaniya, yatujjira: kale nno, otulagire, tukwegayiridde, tugende olugendo olw'ennaku ssatu mu ddungu, tuweeyo sddaaka eri Mukama Katonda waffe.
- 19 Era mmanyi nti kabaka w'e Misiri talibalagira kugenda, weewaawo era n'omukono ogw'amaanyi.
- 20 Nange ndigolola omukono gwange, ne nkuba Misiri n'amagero gange gonna ge ndikola wakati waayo: oluvannyuma lwago alibalagira.

- 21 Era ndibawa abantu abo okwagalibwa mu maaso g'Abamisiri: awo lwe mulivaayo, temulivaayo bwereere:
- 22 naye buli mukazi alisaba muliraanwa we n'oli abeera mu nnyumba ye, ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu n'engoye: mulibiteeka ku batabani bammwe n'abawala bammwe; mulinyaga Abamisiri.

Essuula 4

- 1 Musa n'addamu n'ayogera nti Naye, laba, tebalinzikiriza so tebaliwulira ddoobozi lyange: kubanga balyogera nti Mukama teyakulabikira.
- 2 Mukama n'amugamba nti Kiki ekiri mu mukono gwo? N'ayogera nti Muggo.
- 3 N'ayogera nti Gusuule wansi. N'agusuula wansi, ne gufuuka omusota: Musa n'adduka mu maaso gaagwo.
- 4 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo, ogukwate akawuuwo: (n'agolola omukono gwe, n'agukwata, ne gufuuka omuggo mu mukono gwe:)
- 5 Balyoke bakkirize nti Mukama Katonda wa bajjajja baabwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo, nti akulabikidde.
- 6 Mukama n'amugamba nate nti Teeka omukono mu kifuba kyo. N'ateeka omukono gwe mu kifuba kye: bwe yagugyaamu, laba, omukono gwe nga gulina ebigenge ng'omuzira.
- 7 N'ayogera nti Guzze omukono gwo mu kifuba kyo. (N'aguzza omukono gwe mu kifuba kye; bwe yagugya mu kifuba kye, laba, nga gufuuse ng'omubiri (gwonna).
- 8 Awo olulituuka bwe batalikukkiriza era bwe bataliwulira ddoobozi lya kabonero ak'olubereberye, balikkiriza eddoobozi ery'akabonero ak'okubiri.
- 9 Awo bwe batalikkiriza bubonero buno bwombiriri era bwe bataliwulira ddoobozi lyo, olisena ku mazzi g'omugga n'ofuka ku lukalu: amazzi g'olisena mu mugga galifuuka omusaayi ku lukalu.
- 10 Musa n'agamba Mukama nti Ai Mukama, nze siri muntu wa bigambo okuva ddi na ddi, newakubadde okuva lw'oyogedde n'omuuddu wo: kubanga soogera mangu, n'olulimi lwange luzito.
- 11 Mukama n'amugamba nti Ani eyakola akamwa k'omuntu? Oba ani akola kasiru oba omuzibe w'amatu oba atunula oba muzibe w'amaaso? Si nze Mukama?
- 12 Kale, kaakano genda, nange ndibeera wamu n'akamwa ko, ndikuyigiriza by'olyogera.
- 13 N'ayogera nti Ai Mukama, tuma nno, nkwegayiridde, mu mukono gw'oyo gw'oyagala okutuma.
- 14 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuukira Musa, n'ayogera nti Alooni Omuleevi muganda wo taliwo? Mmanyi nti ayinza okwogera obulungi. Era, laba, ajja okukusisinkana: bw'alikulaba, alisanyuka mu mutima gwe.
- 15 Naawe olimugamba, era oliteeka ebigambo mu kamwa ke: nange ndibeera wamu n'akamwa ko, n'akamwa ke, ndibayigiriza bye mulikola.
- 16 Naye alibeera mutegeeza wo eri abantu: awo alikubeerera kamwa, naawe olimubeerera nga Katonda.
- 17 Naawe olitwala omuggo guno mu mukono gwo, gw'olikoza obubonero.
- 18 Musa n'agenda n'addayo eri Yesero mukoddomi we, n'amugamba nti Ka ende, nkwegayiridde, nzireyo eri baganda bange abali mu Misiri, ndabe nga bakyali balamu. Yesero n'agamba Musa nti Genda n'emirembe.
- 19 Mukama n'agamba Musa mu Midiyaani nti Genda, oddeyo mu Misiri: kubanga abantu bonna abaali bakunoonya obulamu bwo bafudde.
- 20 Musa n'atwala mukazi we n'abaana be, n'abeebagaza ku ndogoyi, n'addayo mu nsi y'e Misiri: Musa n'atwala omuggo gwa Katonda mu mukono gwe.

- 21 Mukama n'agamba Musa nti Bw'oliddayo mu Misiri, tolemanga kukola mu maaso ga Falaawo amagero gonna ge nteese mu mukono gwo: naye ndikakanyaza omutima gwe, talibaleka abantu okugenda.
- 22 Naawe oligamba Falaawo nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Isiraeri ye mwana wange, omubereberye wange:
- 23 nange nkugambye nti Leka omwana wange ampeereze; naawe ogaanyi okumuleka: laba, nditta omwana wo, omubereberye wo.
- 24 Awo (bwe baali nga bakyalali) mu kkubo mu kisulo, Mukama n'amusisinkana n'ayagala okumutta.
- 25 Awo Zipola n'atwala ejjinja ly'obwogi, n'asalako ekikuta ky'omwana we, n'akisuula ku bigerebye; n'ayogera nti Oli baze wa musaayi era omwami w'obugole bw'omusaayi.
- 26 N'amuleka. N'alyoka ayogera nti Oli baze wa musaayi olw'okukomola.
- 27 Mukama n'agamba Alooni nti Genda mu ddungu omusisinkane Musa. N'agenda n'amulaba ku lusozi lwa Katonda, n'amunywegera.
- 28 Musa n'agamba Alooni ebigambo byonna ebya Mukama bye yamutuma, n'obubonero bwonna bwe yamulagira.
- 29 Musa ne Alooni ne bagenda ne bakuaanya abakadde bonna ab'abaana ba Isiraeri:
- 30 Alooni n'ayogera ebigambo byonna Mukama bye yamugamba Musa, n'akola obubonero mu maaso g'abantu.
- 31 Abantu ne bakkiriza: bwe baawulira nti Mukama yabajjira abaana ba Isiraeri n'alaba okubonaabona kwabwe, ne bavuunama emitwe gyabwe, ne basinza.

Essuula 5

- 1 Awo oluvannyuma ne bajja Musa ne Alooni ne bagamba Falaawo nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Leka abantu bange bankolere embaga mu ddungu.
- 2 Falaawo n'ayogera nti Mukama ye ani, mmuwulire eddoozi lye okuleka Isiraeri? Simanyi nze Mukama, era nate sirireka Isiraeri.
- 3 Ne boogera nti Katonda wa Baebbulaniya yatusisinkana: tukwegayiridde, leka tugende olugendo lwa nnaku ssatu mu ddungu, tuweeyo saddaaka eri Mukama Katonda waffe; aleme okutukuba ne kawumpuli oba n'ekitala.
- 4 Kabaka w'e Misiri n'abagamba nti Lwaki mmwe, Musa ne Alooni, okubalesaayo abantu emirimu gyabwe? Mugende eri emigugu gammwe.
- 5 Falaawo n'ayogera nti Laba, abantu ab'omu nsi bangi kaakano, nammwe mubawumuza mu migugu gyabwe.
- 6 Ku lunaku luli Falaawo n'alagira abakoza b'abantu n'abaami baabwe, ng'ayogera nti
- 7 Temuwanga nate abantu essubi ery'okukoza amatoffaali ng'edda: bagende beekuaanyize essubi.
- 8 N'omuwendo ogw'amatoffaali, gwe baakola edda, mugubasalire; muleme okugukendeezaako n'akatono: kubanga bagayaala; kyebava bakaaba nga boogera nti Leka tugende tuweeyo saddaaka eri Katonda waffe.
- 9 Emirimu emizibu gisalirwe abasajja bagikole; baleme okuwulira ebigambo eby'obulimba.
- 10 Abakoza b'abantu ne bavaayo n'abaami baabwe, ne bagamba abantu nga boogera nti Bw'ati bw'ayogera Falaawo nti Siribawa ssubi.
- 11 Mugende mwekka, mwereetere essubi gye muyinza okuliraba: kubanga emirimu gammwe tegirisalibwako n'akatono.
- 12 Awo abantu ne basaasaanira mu nsi yonna ey'e Misiri okukuaanya ebisasiro nga tewali

ssubi.

- 13 Abakoza baabwe ne babakubiriza, nga boogera nti Mutuukirize emirimu gyammwe, emirimu egya buli lunaku, nga bwe mwakola essubi bwe lyabangawo.
- 14 Abaami b'abaana ba Isiraeri, abakoza ba Falaawo be baakuza ku bo, ne bakubibwa, nga boogera nti Lwaki obutatuukiriza mulimu gwammwe jjo ne leero okukola amatoffaali ng'edda?
- 15 Awo ne bajja abaami b'abaanal ba Isiraeri ne bakaabira Falaawo, nga boogera nti Kiki ekikukoza bw'oty'o abaddu bo?
- 16 Abaddu bo tetuweebwa ssubi, ne batugamba nti Mukole amatoffaali: era, laba, abaddu bo tukubibwa; naye omusango guli ku bantu bo.
- 17 Naye n'ayogera nti Mugayaala, mugayaala: kyemuva mwogera nti Leka tugende tuweeyo saddaaka eri Mukama.
- 18 Kale kaakati mugende mukole emirimu; kubanga temuliweebwa ssubi, naye nammwe munaaleetanga omuwendo gw'amatoffaali.
- 19 Abaami b'abaana ba Isiraeri ne balaba nga balabye obubi bwe bayogera nti Temulik-endeenza ku matoffaali gammwe n'akatono, emirimu egya buli lunaku.
- 20 Ne basisinkana Musa ne Alooni, abaali bayimiridde mu kkubo, nga bava eri Falaawo:
- 21 ne babagamba nti Mukama abatunuulire asale omusango; kubanga mukyayisizza okuwunya kwaffe mu maaso ga Falaawo, ne mu maaso g'abaddu be, okubawa ekitala mu mukono gwabwe okututta.
- 22 Musa n'addayo eri Mukama n'ayogera nti Ai Mukama, kiki ekikukozezza obubi abantu bano? Kiki ekikuntumizza nze?
- 23 Kubanga kasookedde njija eri Falaawo okwogera mu linnya lyo, akoze ubi abantu bano; so tewabawonya abantu bo n'akatono.

Essuula 6

- 1 Mukama n'amugamba Musa nti Kaakano bw'oliraba bye ndimukola Falaawo: kubanga n'omukono ogw'amaanyi alibaleka, era n'omukono ogw'amaanyi alibagoba mu nsi ye.
- 2 Katonda n'ayogera ne Musa, n'amugamba nti NZE YAKUWA:
- 3 nnalabikira Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo, nga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, naye mu linnya lyange YAKUWA saamanyibwa nabo.
- 4 Ne nnyweza nate endagaano yange nabo, okubawa ensi ya Kanani, ensi ey'okutambula kwabwe, gye baatambulamu.
- 5 Nate ne mpulira okusinda kw'abaana ba Isiraeri, Abamisiri be baafuula abaddu; ne njijukira endagaano yange.
- 6 Kyova obabuulira abaana ba Isiraeri nti Nze Yakuwa, nange ndibaggyako emigugu egy'Abamisiri, ndibaggirawo obuddu bwabwe, ndibanunula n'omukono gwe ndigolola n'emisango eminene:
- 7 era ndibeetwalira okubeera eggwanga, nange ndibabeerera Katonda: nammwe muli-manyanga nze Yakuwa Katonda wammwe, abaggya mu migugu egy'Abamisiri.
- 8 Era ndibayingiza mu nsi eri, gye nnayimusiza omukono gwange okugiwa Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo; ndigiwa mmwe okubeera obutaka: nze Yakuwa.
- 9 Musa n'agamba bw'aty'o abaana ba Isiraeri: naye ne batawulira Musa ku lw'obunaku obw'omwoyo, era ne ku lw'obuddu obukambwe.
- 10 Mukama n'agamba Musa ng'ayogera nti
- 11 Yingira, ogambe Falaawo kabaka w'e Misiri abaleke abaana ba Isiraeri bave mu nsi ye.
- 12 Musa n'ayogera mu maaso ga Mukama ng'agamba nti Laba, abaana ba Isiraeri

tebampulidde; Falaawo anampulira atya nze atakomolebwa mimwa?

- 13 Mukama n'agamba Musa ne Alooni, n'abalagira eri abaana ba Isiraeri n'eri Falaawo kabaka w'e Misiri, okuggya abaana ba Isiraeri mu nsi y'e Misiri.
- 14 Abo gye mitwe gy'ennyumba za bajjajja baabwe: abaana ba Lewubeeni omubereberye wa Isiraeri: Kanoki, ne Palu, Kezulooni, ne Kalumi: abo bye bika bya Lewubeeni.
- 15 N'abaana ba Simyoni; Yemweri, ne Yamini, ne Okadi, ne Yakini, ne Zokali, ne Sawuli omwana w'omukazi Omukanani: abo bye bika bya Simyoni.
- 16 Ne gano ge mannya g'abaana ba Leevi mu mirembe gyabwe; Gerusoni, ne Kokasi, ne Merali: n'emyaka egy'obulamu bwa Leevi emyaka kikumi mu asatu mu musanvu.
- 17 Abaana ba Gerusoni: Libuni ne Simeeyi, mu bika byabwe.
- 18 N'abaana ba Kokasi: Amulaamu ne Izukali, ne Kebbulooni, ne Wuziyeeri: n'emyaka egy'obulamu bwa Kokasi emyaka kikumi mu asatu mu esatu.
- 19 N'abaana ba Merali; Makuli ne Musi. Abo bye bika by'Abaleevi mu mirembe gyabwe.
- 20 Amulaamu n'awasa Yokebedi muganda wa kitaawe; n'amuzaalira Alooni, ne Musa: n'emyaka egy'obulamu bwa Amulaamu emyaka kikumi mu asatu mu musanvu.
- 21 N'abaana ba Izukali: Koola, ne Nefega, ne Zikiri.
- 22 N'abaana ba Wuziyeeri; Misaeri, ne Erizafani, ne Sisiri.
- 23 Alooni n'awasa Eriseba, muwala wa Aminadaabu, muganda wa Nakaisoni; n'amuzaalira Nadabu ne Abiku, Eriyazaali ne Isamaali.
- 24 N'abaana ba Koola: Asira, ne Erukaana, ne Abiyasaafu; abo bye bika by'Abakoola.
- 25 Eriyazaali omwana wa Alooni, n'awasa mu bawala ba Putiyeeru; n'amuzaalira Finekaasi. Abo gye mitwe gy'ennyumba za bajjajja b'Abaleevi mu bika byabwe.
- 26 Abo ye Alooni ne Musa bali Mukama be yagamba nti Muggyeeyo abaana ba Isiraeri mu nsi y'e Misiri mu ggye lyabwe.
- 27 Abo be baagamba Falaawo kabaka w'e Misiri okuggya abaana ba Isiraeri mu Misiri: abo ye Musa ne Alooni bali.
- 28 Awo ku lunaku Mukama lwe yagamba Musa mu nsi y'e Misiri.
- 29 Mukama n'agamba Musa ng'ayogera nti Nze Mukama: ogambe Falaawo kabaka w'e Misiri buli kye nkugamba.
- 30 Musa n'ayogera mu maaso ga Mukama nti Laba sikomolebwanga mimwa, Falaawo anampulira atya?

Essuula 7

- 1 Mukama n'agamba nti Laba, nkufudde Katonda eri Falaawo: era Alooni mugandawo alibeera nabbi wo.
- 2 Olyogera kye nkulagira: ne Alooni mugandawo aligamba Falaawo, aleke abaana ba Isiraeri bave mu nsi ye.
- 3 Nange ndikakanyaza omutima gwa Falaawo, ne nnyongeza obubonero bwange n'amagero mu nsi y'e Misiri.
- 4 Naye Falaawo talibawulira, nange nditeekako omukono gwange ku Misiri ne nfulumya eggye lyange, abantu bange abaana ba Isiraeri, mu nsi y'e Misiri, n'emisango eminene.
- 5 N'abo Abamisiri balimanya nga nze Mukama, bwe ndigolola omukono gwange ku Misiri, ne mbaggyayo abaana ba Isiraeri mu bo.
- 6 Musa ne Alooni ne bakola bwe batyo; Mukama nga bwe yabalagira: bwe batyo bwe baakola.
- 7 Ne Musa yali nga yaakamala emyaka kinaana: ne Alooni nga yaakamala kinaana mu esatu, bwe baayogera ne Falaawo.

- 8 Mukama n'agamba Musa ne Aloonni ng'ayogera nti
- 9 Falaawo bw'alibagamba ng'ayogera nti Mukoleewo eky'amagero: n'olyoka ogamba Aloni nti Twala omuggo gwo ogusuule wansi mu maaso ga Falaawo, gube omusota.
- 10 Musa ne Aloonni ne bayingira ewa Falaawo, ne bakola bwe batyo nga Mukama bwe yalagira: Aloni n'asuula omuggo gwe wansi mu maaso ga Falaawo ne mu maaso g'abaddube, ne guba omusota.
- 11 Falaawo naye nalyoka ayita abagezi n'abalogo: era nabo abasawo Abamisiri ne bakola bwe batyo n'amagezi gaabwe ag'ekyama.
- 12 Kubanga baasuula buli muntu omuggo gwe ne giba emisota naye omuggo gwa Aloonni ne gumira emiggo gyabwe.
- 13 Falaawo omutima gwe ne gukakanyala, n'atabawulira; nga Mukama bwe yayogera.
- 14 Mukama n'agamba Musa nti Falaawo omutima gwe guzitowa, agaana okubaleka abantu.
- 15 Ogenda eri Falaawo enkya; laba, afuluma okugenda ku mugga; naawe oliyimirira ku mabbali g'omugga okumususinkana; n'omuggo ogwafuuka omusota oligutwala mu mukono gwo.
- 16 N'omugamba nti Mukama, Katonda wa Baebulaniya, antumye gy'oli ng'ayogera nti Leka abantu bange, bampeerereze mu ddungu: era, laba, okutuusa kaakano towulira.
- 17 Bw'atyo Mukama bw'ayogera nti Ku kino kw'olimanyira nga nze Mukama: laba, ndikuba n'omuggo oguli mu mukono gwange ku mazzi agali mu mugga, galifuuka omusaayi.
- 18 N'eby'omu nnyanja birifa, omugga guliwunya: Abamisiri amazzi ag'omu mugga galibatama okunywako.
- 19 Mukama n'agamba Musa nti Gamba Aloonni nti Twala omuggo gwo ogolole omukono gwo ku mazzi g'e Misiri, ku migga gyabwe, ku nsalosalo zaabwe, ne ku bidiba byabwe, ne ku nnyanja zaabwe zonna ez'amazzi, gafuuke omusaayi; era mulibeera omusaayi mu nsi yonna ey'e Misiri, mu ntiba ez'omuti ne mu nsuwa ez'amayinja.
- 20 Musa ne Aloonni ne bakola bwe batyo nga Mukama bwe yalagira; n'ayimusa omuggo, n'akuba amazzi agali mu migga, mu maaso ga Falaawo ne mu maaso g'abaddu be; amazzi gonna agaali mu mugga ne gafuuka omusaayi.
- 21 N'eby'omu muagga ne bifa; omugga ne guwunya. Abamisiri ne batayinza kunywa amazzi mu mugga; omusaayi ne gubeera mu nsi yonna ey'e Misiri.
- 22 Ne bakola bwe batyo abasawo Abamisiri mu magezi gaabwe ag'ekyama; Falaawo omutima gwe ne gukakanyala, n'atabawulira; nga Mukama bwe yayogera.
- 23 Falaawo n'akyuka n'agenda mu nnyumba ye.
- 24 Abamisiri bonna ne basima kumpi n'omugga bafune amazzi ag'okunywa; kubanga amazzi ag'omu mugga tebaayinza kunywako.
- 25 Ennaku musanvu ne zituukirira, Mukama ng'amaze okukuba omugga.

Essuula 8

- 1 Mukama n'agamba Musa nti yingira eri Falaawo, omugambe nti Bw'atyo Mukama bwayogera nti Leka abantu bange, bampeerereze.
- 2 Era bw'onoogaana ggwe okubaleka, laba, ndikuba ensalo zo zonna n'ebikere:
- 3 n'omugga gulijula ebikere, ebiririnnya ne biyingira mu nnyumba yo ne mu kisenge kyo mw'osula, ne ku kitanda kyo, ne mu nnyumba z'abaddu bo, ne ku bantu bo, ne mu ntamu zo, ne mu bibbo eby'okugoyeramu:
- 4 n'ebikere biririnnya ku ggwe, era ne ku bantu bo, ne ku baddu bo bonna.
- 5 Mukama n'agamba Musa nti Gamba Aloonni nti Golola omukono gwo n'omuggo gwo ku migga, ku nsalosalo, ne ku bidiba, olinnyise ebikere ku nsi ey'e Misiri.

- 6 Alooni n'agolola omukono gwe ku mazzi g'e Misiri; ebikere ne birinnya ne bisaanikira ensi ey'e Misiri.
- 7 N'abasawo ne bakola bwe batyo n'amagezi gaabwe ag'ekyama, ne balinnyisa ebikere ku nsi y'e Misiri.
- 8 Falaawo n'alyoka abayita Musa ne Alooni, n'ayogera nti Musabe Mukama anziyeko ebikere nze n'abantu bange: nange naabaleka abantu, baweeyo saddaaka eri Mukama.
- 9 Musa n'agamba Falaawo nti Olw'ekyo weenyumiriza ku nze: mu biro ki mwe mba nkusabira ggwe n'abaddu ba n'abantu bo ebikere bizikirizibwe ku ggwe ne ku nnyumba zo, bisigale mu mugga mwokka?
- 10 N'ayogera nti Ku lwa jjo. N'ayogera nti Kibe ng'ekigambo kyo: olyoke omanyega tewali afaanana nga Mukama Katonda waffe.
- 11 N'ebikere birikuleka ggwe n'ennyumba zo n'abaddu bo n'abantu bo; birisigala mu mugga mwokka.
- 12 Musa ne Alooni ne bava eri Falaawo: Musa n'akaabira Mukama ku lw'ebikere bye yamuleetera Falaawo.
- 13 Mukama n'akola ng'ekigambo kya Musa: ebikere ne bifira mu nnyumba, mu mpya, ne mu nsuku.
- 14 Ne babikuaanya entuumo n'entuumo: ensi n'ewunya.
- 15 Naye Falaawo bwe yalaba ng'ebbanga weeriri ery'okuwummuliramu, n'akakanyaza omutima gwe n'atabawulira; nga Mukama bwe yayogera.
- 16 Mukama n'agamba Musa nti Gamba Alooni nti Golola omuggo gwo okube enfuufu y'ensi, ebe ensekere mu nsi yonna ey'e Misiri.
- 17 Ne bakola bwe batyo; Alooni n'agolola omukono gwe n'omuggo n'akuba enfuufu y'ensi, ne waba ensekere ku muntu ne ku nsolo; enfuufu yonna ey'ensi n'eba ensekere mu nsi yonna ey'e Misiri.
- 18 N'abasawo ne bakola bwe batyo n'amagezi gaabwe ag'ekyama balyoke baleete ensekere, naye ne batayinza; ne waba ensekere ku muntu ne ku nsolo.
- 19 Abasawo ne balyoka bagamba Falaawo nti Eno ye ngalo ya Katonda: Falaawo n'akakanyala omutima gwe, n'atabawulira; nga Mukama bwe yayogera.
- 20 Mukama n'agamba Musa nti Golokoka ku nkya mu matuluutulu oyimirire mu maaso ga Falaawo; laba, afuluma okugenda ku mazzi; omugambe nti Bw'atyo Mukama bw'ayogera nti Leka abantu bange, bampeereze.
- 21 Naye bw'otoobaleke, laba, ndikuleetera ebikuukuulu by'ensowera ggwe n'abaddu bo n'abantu bo ne mu nnyumba zo: n'ennyumba ez'Abamisiri zirijjula ebikuukuulu by'ensowera, era n'ebibanja mwe ziri.
- 22 Nange ndigyawulako ku lunaku luli ensi ey'e Goseni, abantu bange mwebasula, ebikuukuulu by'ensowera bireme okubeerayo; olyoke omanyega nze Mukama ali wakati w'ensi.
- 23 Nange nditeekawo okununula wakati mu bantu bange n'abantu bo: jjo lwe kalibeerawo akabonero kano.
- 24 Mukama n'akola bw'atyo; ebikuukuulu by'ensowera ne bijja ebizibu mu nnyumba ya Falaawo ne mu nnyumba z'abaddu be : ne mu nsi yonna ey'e Misiri ensi n'efa ebikuukuulu by'ensowera.
- 25 Falaawo n'ayita Musa ne Alooni, n'ayogera nti Mugende muweeyo saddaaka eri Katonda wammwe mu nsi eno.
- 26 Musa n'ayogera nti Si kirungi okukola bwe kityo; kubanga tuliwa eky'omuzizo eky'Abamisiri Mukama Katonda waffe: laba, bwe tulimuwa eky'omuzizo eky'Abamisiri mu maaso gaabwe, tebalitukuba amayinja?
- 27 Ka tugende olugendo olw'ennaku essatu mu ddungu, tuweeyo saddaaka eri Mukama Katonda waffe, nga bw'alitulagira.

- 28 Falaawo n'ayogera nti Naabaleka; muweeyo saddaaka eri Mukama Katonda wammwe mu ddungu: wabula kino kyokka, temugenda wala nnyo: munsabire.
- 29 Musa n'ayogera nti Laba nva mu maaso go, ndimusaba Mukama ebikuukuulu by'ensowera biggibwewo eri Falaawo, eri abaddu be, n'eri abantu be, jjo: wabula kino kyokka, Falaawo aleme okweyongerera nate okulimba obutaleka bantu, baweeyo sad-daaka eri Mukama.
- 30 Musa n'ava mu maaso ga Falaawo, n'asaba Mukama.
- 31 Mukama n'akola ng'ekigambo kya Musa; n'amuggirawo ebikuukuulu by'ensowera Falaawo, abaddu be, n'abantu be; ne watasigala n'emu.
- 32 Falaawo n'akakanyaza omutima gwe omulundi ogwo nate, n'atabaleka abantu.

Essuula 9

- 1 Mukama n'alyoka agamba Musa nti Yingira eri Falaawo, omugambe nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda w'Abaebbulaniya nti Baleke abantu bange bam-peereze.
- 2 Kubanga bw'onoogaana okubaleka n'oyongerera okubakwata,
- 3 laba, omukono gwa Mukama guli ku magana go agali mu ttale, ku mbalaasi, ku ndo-goyi, ku amira, ku nte, ne ku ndiga: nsotoka omuzibu ennyo.
- 4 Era Mukama alyawula amagana g'Abaisiraeri n'amagana ag'e Misiri; so tewalifa n'emu mu ago ag'abaana ba Isiraeri gonna.
- 5 Mukama n'assaawo ekiseera kye yayagala, ng'ayogera nti Jjo Mukama bw'alikola ekyo mu nsi.
- 6 Mukama n'akola kiri bwe bwakya enkya, amagana gonna ag'e Misiri ne gafa: naye mu magana g'abaana ba Isiraeri tewaafa n'emu.
- 7 Falaawo n'atuma, laba, mu magana g'Abaisiraeri tewaali newakubadde n'emu efudde. Naye Falaawo omutima ne gukakanyala, n'atabaleka abantu.
- 8 Mukama n'agamba Musa ne Aloonni nti Mwetwalire embatu ez'evvu ery'omu kyoto, Musa alimansize waggulu mu maaso ga Falaawo.
- 9 Era liriba nfuufu ku nsi yonna ey'e Misiri, liriba jjute eriyulika mu mabwa ku muntu ne ku nsolo, mu nsi yonna ey'e Misiri.
- 10 Ne batwala evvu ery'omu kyoto, ne bayimirira mu maaso ga Falaawo; Musa n'ali-mansa waggulu; ne liba ejjute eriyulika mu mabwa ku muntu ne ku nsolo.
- 11 Abasawo ne batayinza kuyimirira mu maaso ga Musa ku lw'amayute; kubanga, amayute gaali ku basawo, ne ku Bamisiri bonna.
- 12 Mukama n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atabawulira; nga Mukama bwe yagamba Musa.
- 13 Mukama n'agamba Musa nti Ogolokoka enkya mu makya, n'oyimirira mu maaso ga Falaawo, n'omugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda w'Abaebbulaniya, nti Leka abantu bange, bampeereze.
- 14 Kubanga omulundi guno naakuleetera ebibonobono byange byonna omutima gwo n'abaddu bo n'abantu bo; olyoke omanyega tewali mu nsi yonna afaanana nga nze.
- 15 Kubanga kaakano nandigolodde omukono gwange, nandikukubye ggwe n'abantu bo ne kawumpuli, wandizikiridde mu nsi:
- 16 naye ddala mazima kyenvudde nkuyimiriza okukulaga amaanyi gange ggwe, era erinnya lyange okubuulirwa mu nsi zonna.
- 17 Okutuusa kaakano weegulumizizza ku bantu bange, obutabaleka?
- 18 Laba, jjo nga mu kiseera kino nditonnyesa omuzira omuzito ennyo, ogutalabikanga mu Misiri kasookedde esooka okubaawo okutuusa kaakano.
- 19 Kale, kaakano, tuma, oyanguye okuyingiza amagana go ne byonna by'olina mu ttale;

buli muntu n'ensolo abanaalabika mu ttale abataaleetebwe mu nnyumba, omuzira gulibakuba, balifa.

- 20 Eyatya ekigambo kya Mukama mu baddu ba Falaawo n'abaddusiza abaddu be n'amagana ge mu nnyumba:
- 21 ataakitya ekigambo kya Mukama n'abaleka abaddu be n'amagana ge mu ttale.
- 22 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo eri eggulu, omuzira gubeere mu nsi yonna ey'e Misiri, ku muntu, ne ku nsolo, ne ku muddo gwonna ogw'omu nsuku, mu nsi yonna ey'e Misiri.
- 23 Musa n'agolola omuggo gwe eri eggulu: Mukama n'aleeta okubwatuka n'omuzira, omuliro ne gukka ku nsi; Mukama n'atonnyesa omuzira ku nsi ey'e Misiri.
- 24 Awo ne waba omuzira, n'omuliro ne gwaka wakati w'omuzira, omuzito ennyo, ogutabangawo mu nsi yonna ey'e Misiri kasookedde ebeera eggwanga.
- 25 Omuzira ne gukuba mu nsi yonna ey'e Misiri buli ekyali mu ttale, omuntu era n'ensolo; omuzira ne gukuba buli muddo ogw'omu nsuku, ne gumenya buli muti ogw'omu nsuku.
- 26 Mu nsi ey'e Goseni yokka, mwe baali abaana ba Isiraeri, mwe mutaali muzira.
- 27 Falaawo n'atuma, n'ayita Musa ne Alooni, n'abagamba nti Nnyonoonye omulundi guno: Mukama ye mutuukirivu, nange n'abantu bange tuli babi.
- 28 Musabe Mukama; kubanga okubwatuka okw'amaanyi n'omuzira bimmaze; nange ndibaleka, muleme okulwawo nate.
- 29 Musa n'amugamba nti Bwe ndimala okuva mu kibuga, ne ndyoka mwanjululiza Mukama ebibatu byange; okubwatuka kuliggwaawo, so tewalibeera muzira nate; olyoke omanyenga ng'ensi ya Mukama.
- 30 Naye ggwe n'abaddu bo, mmanyi nga temulitya kaakano Mukama Katonda.
- 31 Obugoogwa ne sayiri ne bikubibwa: kubanga sayiri yali etanula okubala, n'obugogwa bwali busansudde.
- 32 Naye eaano ne kusemesi tebyakubibwa: kubanga byali nga tebinnamera.
- 33 Musa n'ava mu kibuga eri Falaawo, n'ayanjululiza Mukama ebibatu bye: okubwatuka n'omuzira ne biggwaawo, so enkuba n'etetonnya ku nsi.
- 34 Falaawo bwe yalaba ng'enkuba n'omuzira n'okubwatuka nga biwedde, ne yeeyongerera okwonoona, n'akakanyaza omutima gwe, ye n'abaddu be.
- 35 Falaawo omutima gwe ne gukakanyala, n'atabaleka abaana ba Isiraeri; nga bwe yayogerera Mukama mu Musa.

Essuula 10

- 1 Mukama n'agamba Musa nti Yingira eri Falaawo; kubanga nkakanyazizza omutima gwe n'omutima gw'abaddu be, ndyoke ndage obubonero bwange buno wakati waabwe:
- 2 era olyoke obuulire mu matu g'omwana wo ne mu g'omwana w'omwana wo, bye nkoze ku Misiri, n'obubonero bwange bwe nkoze wakati waabwe; mulyoke mumanyenga nze Mukama.
- 3 Musa ne Alooni ne bayingira eri Falaawo, ne bamugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda w'Abaebbulaniya nti Olituusa wa okugaana okwetoowaza mu maaso gange? Leka abantu bange, bampeereze.
- 4 Naye, bw'onoogaana okubaleka abantu bange, laba, jjo ndireeta enzige mu nsalo yo:
- 5 zirisaanikirira kungulu ku nsi, ensi ereme okulabika: zirirya ebisigadde ebyawonawo, omuzira bye gwabalekera, ne zirya buli muti ogubamerera mu nsuku:
- 6 era ennyumba zo zirijjula, n'ennyumba z'abaddu bo bonna n'ennyumba z'Abamisiri bonna: nga bakitaawo bwe bataalaba newakubadde bakitaabwe ba kitaawo, okuva lwe

- baabeerawo ku nsi okutuusa leero. N'akyuka, n'ava eri Falaawo.
- 7 Abaddu ba Falaawo ne bamugamba nti Alituusa wa ono okutubeerera omutege? Leka abantu, baweeraze Mukama Katonda waabwe: tonnamanya nga Misiri efudde?
 - 8 Ne bazzibwa Musa ne Alooni eri Falaawo: n'abagamba nti Mugende, muweereze Mukama Katonda wammwe: naye b'ani abaligenda?
 - 9 Musa n'ayogera nti Tuligenda n'abaana baffe abato era n'abakadde baffe, n'abaana baffe ab'obulenzi era n'abaana baffe ab'obuwala, n'endiga zaffe era n'ente zaffe bwe tuligenda; kubanga obubi buli mu maaso gammwe kubanga kitugwanidde ffe okukolera Mukama embaga.
 - 10 N'abagamba nti Mukama abe nammwe nga bwe ndibaleka mmwe n'abaana bammwe abawere: mulabe;
 - 11 Nedda mmwe abasajja abakulu mugende kaakano, mumuweereze Mukama; kubanga ekyo kye mwagala. Ne bagobebwa mu maaso ga Falaawo.
 - 12 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo ku nsi ey'e Misiri wabe enzige, zirinye ku nsi ey'e Misiri, zirye buli muddo ogw'ensi, byonna byonna omuzira bye gwalekawo.
 - 13 Musa n'agolola omuggo gwe ku nsi ey'e Misiri, Mukama n'aleeta embuyaga ku nsi ezaava ebuwanjuba ku lunaku luli obudde okuziba n'okukya; bwe bwakya enkya, embuyaga ezaava ebuwanjuba ne zireeta enzige.
 - 14 Enzige ne zirinye ku nsi yonna ey'e Misiri, ne zigwa mu nsalo zonna ez'e Misiri: zaali nzibu nnyo; edda n'edda tewabanga nzige nga ezo, newakubadde ennyuma waazo tewalibeera nga ezo.
 - 15 Kubanga zaasaanikira kungulu ku nsi yonna, ensi n'efuusibwa ekizikiza; ne zirya buli muddo gwonna ogw'ensi n'ebibala byonna eby'emiti, omuzira bye gwalekawo: ne watasigala kintu kibisi, newakubadde omuti newakubadde omuddo ogw'omu nsuku, mu nsi yonna ey'e Misiri.
 - 16 Falaawo n'alyoka ayita mangu Musa ne Alooni; n'ayogera nti Nnyonoonye Mukama Katonda wammwe, nammwe.
 - 17 Kale kaakano nkwegayiridde, munsonyiwe okwonoona kwange omulundi guno gwokka, mumusabe Mukama Katonda wammwe, anziyeke olumbe luno lwokka.
 - 18 N'ava eri Falaawo, n'asaba Mukama.
 - 19 Mukama n'aleeta embuyaga ez'amaanyi ennyo ezaava ebugwanjuba, ne zitwala enzige ne zizisuula mu Nnyanja Emmyufu; tewaasigala nzige n'emu mu nsalo yonna ey'e Misiri.
 - 20 Naye Mukama n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'ataleka abaana ba Isiraeri.
 - 21 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo eri eggulu, ekizikiza kibeere ku nsi ey'e Misiri, ekizikiza ekiwulikika.
 - 22 Musa n'agolola omukono gwe eri eggulu; ekizikiza ekikutte ne kiba mu nsi yonna ey'e Misiri ennaku ssatu;
 - 23 tebaalabagana, newakubadde omuntu yenna teyagolokoka mu kifo kye ennaku ssatu: naye abaana ba Isiraeri bonna baalina omusana mu nju zaabwe.
 - 24 Falaawo n'ayita Musa n'ayogera nti Mugende muweereze Mukama; endiga zammwe n'ente zammwe ze zibazisigala zokka: abaana abawere nabo bagende nammwe.
 - 25 Musa n'ayogera nti Kikugwanidde nate okutuwa mu mikono gyaffe saddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa, tuweeyo saddaaka eri Mukama Katonda waffe.
 - 26 Era n'amagana gaffe galigenda naffe; tewalisigala kinuulo n'ekimu; kubanga kitugwanidde okuzitwalako, tuweereze Mukama, Katonda waffe; era tetumanyi bye tulimuweerezesa Mukama, okutuusa lwe tulituuka eyo.
 - 27 Naye Mukama n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atayagala kubaleka.
 - 28 Falaawo n'amugamba nti Vaawo wendi, weekuume, oleme okulaba amaaso gange

nate; kubanga ku lunaku lw'olirabiramu amaaso gange, olifa.

29 Musa n'ayogera nti Oyogedde bulungi; siriraba nate maaso go.

Essuula 11

- 1 Mukama n'amugamba Musa nti Ekibonoobono kimu nate kye ndimuleetera Falaawo ne Misiri; oluvannyuma alibaleka okuvaamu: bw'alibaleka, mazima alibagobera ddala muno.
- 2 Yogera kaakano mu matu g'abantu, basabe buli musajja eri muliraanwa we na buli mukazi eri muliraanwa we ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu.
- 3 Mukama n'abawa abantu okwagalibwa mu maaso g'Abamisiri. Nate omuntu Musa yali mukulu nnyo mu nsi ey'e Misiri, mu maaso g'abaddu ba Falaawo, ne mu maaso g'abantu.
- 4 Musa n'ayogera nti Bw'atyo Mukama bw'ayogera nti Nga mu ttumbi ndifuluma wakati w'e Misiri:
- 5 n'ababereberye bonna ab'omu nsi ey'e Misiri balifa, okuva ku mubereberye wa Falaawo atuula ku ntebe ey'obwakabaka okutuuka ku mubereberye w'omuzaana ali ennyuma w'olubengo; n'ebibereberye byonna eby'ebisibo.
- 6 Era walibeera okukaaba okungi mu nsi yonna ey'e Misiri, okutabangawo newakubadde tekulibaawo nate nga kuno.
- 7 Naye ku omu mu baana ba Isiraeri embwa terimuwagalako lulimi, ku muntu newakubadde ensolo : mulyoke mumanye Mukama bw'ayawula wakati w'Abamisiri ne Isiraeri.
- 8 Era abaddu bo bano bonna baliserengeta gye ndi balivuunamira nze, nga boogera nti Genda n'abantu bo bonna abakugoberera: oluvannyuma ndigenda. N'ava eri Falaawo n'obusungu bungi.
- 9 Mukama n'amugamba Musa nti Falaawo talibawulira: eby'amagero byange biryoke byeyongere mu nsi ey'e Misiri.
- 10 Musa ne Alooni ne bakola eby'amagero bino byonna mu maaso ga Falaawo: Mukama n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atabaleka abaana ba Isiraeri okuva mu nsi ye.

Essuula 12

- 1 Mukama n'abagamba Musa ne Alooni mu nsi ey'e Misiri, ng'ayogera nti
- 2 Omwezi guno gulibabeerera ogw'olubereberye mu myezi: gulibabeerera omwezi ogw'olubereberye ogw'omwaka.
- 3 Mugambe ekibiina kyonna ekya Isiraeri, nga mwogera nti Ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi guno balyetwalira buli muntu omwana gw'endiga, ng'ennyumba za bajjajja baabwe bwe ziri, omwana gw'endiga buli nnyumba:
- 4 era ennyumba bw'ebanga entono nga teemaleewo mwana gw'endiga, kale abeere ne muliraanwa we ali okumpi n'ennyumba ye bamutwale ng'omuwendo gw'emyoyo gy'abantu bwe guli; buli muntu nga bw'alya, mulibalibwa ku mwana gw'endiga.
- 5 Omwana gw'endiga gwammwe tegulibaako bulema, omusajja ogwakamala omwaka: muliguggya mu ndiga oba mu mbuzi:
- 6 muligutereka okutuusa olunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi guno: ekkuaaniri lyonna ery'ekibiina kya Isiraeri baligutta lwaggulo.
- 7 Era balitwala ku musaayi, baguteeke ku mifuubeeto gyombi ne ku kabuno, mu nnyumba mwe baliguliira.
- 8 Awo balirya ennyama mu kiro kiri, ng'eyokebwa n'omuliro, n'emigaati egitali mizim-bulukuse; baligiriira ku nva ezikaawa.

- 9 Temugiryangako mbisi, newakubadde enfumbe n'amazzi wabula enjokye n'omuliro; omutwe gwayo n'ebigere byayo n'eby'omunda byayo.
- 10 Nammwe temugiirekangawo okutuusa enkya; naye erekebwako okutuusa enkya muligyokya n'omuliro.
- 11 Era bwe mutyo bwe muligirya; nga mwesibye ebimyu, n'engatto nga ziri mu bigere byammwe, n'omuggo nga guli mu mukono gwammwe: mugiryanga mangu: eyo kwe kuyitako kwa Mukama.
- 12 Kubanga ndiyita mu nsi ey'e Misiri mu kiro kiri, ndikuba ababereberye bonna mu nsi ey'e Misiri, omuntu era n'ensolo; era ku bakatonda bonna ab'e Misiri ndisala emisango: nze Mukama.
- 13 Awo omusaayi gulibabeerera akabonero ku nnyumba ze mulimu: nange bwe ndiraba omusaayi, ndibayitako, so tewalibeera lumbe ku mmwe okubazikiriza, bwe ndikuba ensi ey'e Misiri.
- 14 Era olunaku luno lulibabeerera ekijjukizo, na mmwe munaalwekuumanga embaga ya Mukama: mu mirembe gyammwe gyonna munaalwekuumanga embaga mu tteeka eritaggwawo.
- 15 Ennaku musanvu mulirya emigaati egitazimbulukuswa; era ne ku lunaku olw'olubereberye munaggyangamu ekizimbulukusa mu nnyumba zammwe: kubanga buli alya emigaati egizimbulukuswa okuva ku lunaku olw'olubereberye okutuusa olunaku olw'omusanvu, omwoyo ogwo gulisalibwa ku Isiraeri.
- 16 Era ku lunaku olw'olubereberye walibabeerera okukuaana okutukuvu, era ku lunaku olw'omusanvu okukuaana okutukuvu; emirimu gyonna gyonna gireme okukolebwa mu nnaku ezo, wabula gye yeetaaga buli muntu okulya, egyo gyokka kye kirungi okukolebwa mmwe.
- 17 Mulyekuuma embaga ey'emigaati egitazimbulukuswa; kubanga ku lunaku luno lwenyini lwe nziyiddemu eggye lyammwe mu nsi ey'e Misiri: kye munaavanga mulwekuuma olunaku luno mu mirembe gyammwe gyonna mu tteeka eritaggwawo.
- 18 Mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi olweggulo, mulirya emigaati egitazimbulukuswa, okutuusa olunaku olw'amakumi abiri mu lumu olweggulo.
- 19 Ennaku musanvu ekizimbulukusa tekirirabika mu nnyumba zammwe: kubanga buli alya ekizimbulukuse, omwoyo ogwo gulisalibwa ku kibiina kya Isiraeri, bw'aliba munnaggwanga oba nga nzaalwa.
- 20 Temulyanga ekizimbulukuse; mu bifo byammwe byonna mulyanga emigaati egitazimbulukuswa.
- 21 Musa n'alyoka abayita abakadde bonna aba Isiraeri, n'abagamba nti Mulonde mwetwalire abaana b'endiga ng'ennyumba zammwe bwe ziri, mutte okuyitako.
- 22 Nammwe mulitwala omuvumbo gwa ezobu ne munnyika mu musaayi ogw'omu kibya, ne mumansulira ku kabuno n'emifuubeeto gyombi n'omusaayi ogw'omu kibya; temufuluma omuntu yenna mu mulyango ogw'ennyumba ye okutuusa enkya.
- 23 Kubanga Mukama aliyita okukuba Abamisiri; awo bw'aliraba omusaayi ku kabuno ne ku mifuubeeto gyombi, Mukama aliyita ku mulyango, so talireka muzikiriza okuyingira mu nnyumba zammwe okubakuba.
- 24 Era mulyekuuma ekigambo ekyo ng'etteeka eri ggwe n'eri abaana bo eritaggwawo.
- 25 Awo bwe muliba mutuuse mu nsi Mukama gy'alibawa, nga bwe yasuubiza, muneeku-umanga okuweereza kuno.
- 26 Awo olulituuka abaana bammwe bwe balibagamba nti Okuweereza kwammwe kuno amakulu ki?
- 27 mulyogera nti Ye ssaddaaka ey'okuyitako kwa Mukama eyayita ku nnyumba z'abaana ba Isiraeri mu Misiri bwe yakuba Abamisiri n'awonya ennyumba zaffe. Abantu ne

bakutama ne basinza.

- 28 Abaana ba Isiraeri ne bagenda ne bakola bwe batyo; Mukama nga bwe yalagira Musa ne Alooni, bwe batyo bwe baakola.
- 29 Awo olwatuuka mu ttumbi Mukama n'akuba abaana ababereberye bonna ab'omu nsi ey'e Misiri, okuva ku mubereberye wa Falaawo eyatuula ku ntebe ey'obwakabaka, okutuuka ku mubereberye ow'omusibe eyali mu kkomera; n'embereberye zonna ez'ebisibo.
- 30 Falaawo n'agolokoka ekiro, ye n'abaddu be bonna n'Abamisiri bonna; ne waba okukaaba okunene mu Misiri; kubanga tewaali nnyumba etaafaamu muntu.
- 31 N'abayita Musa ne Alooni ekiro, n'ayogera nti Mugolokoke muve mu bantu bange, mmwe era n'abaana ba Isiraeri; mugende, mumuweereze Mukama nga bwe mwayogera.
- 32 Mutwale endiga era n'ente zammwe, nga bwe mwayogera, mugende; mumpe omukisa nange.
- 33 N'Abamisiri ne babakubiriza abantu, okubanguyiriza okuva mu nsi; kubanga baayogera nti Tufudde fenna.
- 34 Abantu ne batwala obutta bwabwe nga tebunnaba kuzimbulukusibwa, ebibbo byabwe eby'okugoyeramu nga bisibiddwa mu ngoye zaabwe ku bibegabega byabwe.
- 35 Abaana ba Isiraeri ne bakola ng'ekigambo kya Musa; ne basaba Abamisiri ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu, n'engoye:
- 36 Mukama n'abawa abantu okwagalibwa mu maaso g'Abamisiri, ne babawa bye baasaba. Ne banyaga Abamisiri.
- 37 Abaana ba Isiraeri ne batambula okuva mu Lameseesi okutuuka mu Sukkosi, ng'obusiriivu mukaaga abaatambula n'ebigere abasajja, era n'abaana.
- 38 Era n'ekibiina ekya bannaggwanga ne balinnya wamu nabo; n'endiga n'ente, ebisibo bingi nnyo.
- 39 Ne bookya emigaati egitazimbulukuswa n'obutta bwe baggya mu Misiri, kubanga bwali nga tebunnassibwamu ekizimbulukusa; kubanga baagobebwa mu Misiri nga tebayinza kulwa, so baali tebannaba kwefumbira mmere yonna:
- 40 N'okutuula kw'abaana ba Isiraeri, kwe baatuula mu Misiri, gyal emyaka ebikumi bina mu asatu.
- 41 Awo olwatuuka emyaka ebikumi ebina mu asatu nga giyise, ku lunaku luli eggye lyonna erya Mukama ne liryoka liva mu Misiri.
- 42 Kye kiro ekisaanira okukyekuuma ennyo eri Mukama okubafulumya mu nsi ey'e Misiri: ekyo kye kiro kiri ekya Mukama ekisaanira abaana bonna aba Isiraeri okukyekuuma ennyo mu mirembe gyabwe gyonna.
- 43 Mukama n'abagamba Musa ne Alooni nti Lino lye tteeka ery'okuyitako: munnaggwanga yenna talyangako:
- 44 naye buli muddu w'omuntu agulibwa n'ebintu, bw'anaamalanga okumukomola, n'alyoka alyako.
- 45 Omugenyi n'omuwereza aweebwa empeera tebalyangako.
- 46 Mu nnyumba emu mw'eneeriirwanga; totwalanga bweru wa nnyumba ku nnyama yaayo; so temumenyanga ggumba lyayo.
- 47 Ekibiina kyonna ekya Isiraeri balikukwata.
- 48 Era munnaggwanga bw'anaasulanga ewuwo, ng'ayagala okwekuuma okuyitako eri Mukama, abasajja be bonna bakomolebwenga, alyoke asembere akwekuume; anaabeeranga ng'enzaalwa: naye ataakomolebwenga yenna talyangako.
- 49 Walimubeerera etteeka limu enzaalwa n'omugenyi asula omumwe.
- 50 Bwe batyo bwe baakola abaana ba Isiraeri bonna; nga Mukama bwe yabalagira Musa ne Alooni, bwe batyo bwe baakola.

51 Awo ku lunaku luli Mukama n'alyoka aggya abaana ba Isiraeri mu nsi ey'e Misiri mu ggye lyabwe.

Essuula 13

- 1** Mukama n'amugamba Musa, ng'ayogera nti
- 2** Onterekeranga abaana ababereberye bonna, buli aggula enda mu baana ba Isiraeri, oba wa muntu oba wa nsolo: ye wange.
- 3** Musa n'abagamba abantu nti Mujjukiranga olunaku luno, lwe mwaviiramu mu Misiri, mu nnyumba ey'obuddu: kubanga mu maanyi g'omukono Mukama mwe yabaggya mu kifo ekyo: tebalyanga ku migaati egizimbulukuswa.
- 4** Ku lunaku luno bwe munaavaamu mu mwezi ogwa Abibu.
- 5** Awo olulituuka Mukama bw'alikuleeta mu nsi y'omu Kanani n'ey'Omukiiti n'ey'omu Amoli, n'ey'Omukiivi, n'ey'omu Yebusi, gye yalayirira bajjajja bo okugikuwa, ensi ejjudde amata n'omubisi gw'enjuki, oneekuumanga okuweereza kuno mu mwezi guno.
- 6** Ennaku musanvu onoolyanga emigaati egitazimbulukuswa, era ku lunaku olw'omusanvu wanaabanga embaga eri Mukama.
- 7** Emigaati egitazimbulukuswa giriibwe mu nnaku ezo omusanvu; so tegiirabikenga gy'oli emigaati egizimbulukuswa, so tekirirabika ekizimbulukusa gy'oli, mu nsalo zo zonna.
- 8** Era onoomugambanga omwana wo olunaku luli, ng'oyogera nti Olw'ebigambo Mukama bye yankolera bwe nnavu mu Misiri.
- 9** Era ginaakubeereranga akabonero ku mukono gwo, era ekijjukizo wakati w'amaaso go, amateeka ga Mukama galyoke gabeere mu kamwa ko: kubanga mu mukono ogw'amaanyi Mukama mwe yakuggira mu Misiri.
- 10** Kyonoovanga weekuuma etteeka lino mu biro byalyo buli mwaka, buli mwaka.
- 11** Awo olulituuka Mukama bw'alikuleeta mu nsi ey'omu Kanani, nga bwe yakulayirira ggwe ne bajjajjaabo, bw'aligikuwa,
- 12** onoomuterekeranga Mukama buli kiggulanda, na buli kibereberye ky'olina ekiva mu nsolo; abasajja banaabanga ba Mukama.
- 13** Era onoonunulanga buli mbereberye y'endogoyi n'omwana gw'endiga; era oba nga tooyagalenga kuginunula, onoogimenyanga obulago: era ababereberye bonna mu baana bo onobanunulanga.
- 14** Awo omwana wo bw'anaakubuuzanga mu biro ebirijja ng'ayogera nti Kiki kino? onoomugambanga nti Mu maanyi ag'omukono gwe Mukama mwe yatuggira mu Misiri, mu nnyumba ey'obuddu:
- 15** awo alwatuuka Falaawo bw'ataatuleka wabula olw'empaka, Mukama n'atta ababereberye bonna ab'omu nsi ey'e Misiri, ababereberye ab'abantu, era n'embereberye ez'ensolo: kyenva mmuwa Mukama buli kiggulanda ekisajja, okuba ssaddaaka; naye ababereberye bonna ab'abaana bange mbanunula.
- 16** N'ekyo kinaabanga akabonero ku mukono gwo, n'ebiteekebwa wakati w'amaaso go: kubanga mu maanyi ag'omukono gwe Mukama mwe yatuggira mu Misiri.
- 17** Awo Falaawo ng'amaze okubaleka abantu, Katonda n'atabatwala mu kkubo ery'ensi ery'Abafirisuuti newakubadde nga lye lyali okumpi; kubanga Katonda yayogera nti Wozzi abantu baleme okwejjusa bwe baliraba okulwana, baleme okudda e Misiri:
- 18** naye Katonda n'abeetoolooza abantu mu kkubo ery'eddungu ku mabbali g'Ennyanja Emmyufu: abaana ba Isiraeri ne balinnya nga balina ebyokulwanyisa okuva mu nsi ey'e Misiri.
- 19** Musa n'atwala amagumba ga Yusufu wamu naye: kubanga yabalayiza ddala abaana ba

Isiraeri, ng'ayogera nti Katonda talirema kubajjira; nammwe mulitwala amagumba gange okuva wano wamu nammwe.

- 20 Ne bava mu Sukkosi okutambula, ne basula mu Yesamu ku nsalo y'eddungu.
- 21 Mukama n'agenda mu maaso gaabwe emisana mu mpagi ey'ekire okubakulemba, mu kkubo; era ekiro mu mpagi ey'omuliro, okubaakira: balyoke batambule emisana n'ekiro;
- 22 empagi ey'ekire emisana, n'empagi ey'omuliro ekiro, tezaggwaawo mu maaso g'abantu.

Essuula 14

- 1 Mukama n'amugamba Musa, ng'ayogera nti
- 2 Bagambe abaana ba Isiraeri badde ennyuma basule mu maaso ga Pikakiroso, wakati wa Migudooli n'ennyanja, mu maaso ga Baalizefoni: emitala w'eri mulisula ku mabali g'ennyanja.
- 3 Falaawo aliboogerako abaana ba Isiraeri nti Bazingiziddwa mu nsi, eddungu libasibye.
- 4 Nange Falaawo ndimukakanyaza omutima, alibagoberera ennyuma waabwe; nange ndyefunira ekitiibwa ku Falaawo ne ku ggye lye lyonna; n'Abamisiri balimanya nga nze Mukama. Bwe batyo bwe baakola.
- 5 Ne bamugamba kabaka w'e Misiri nti Abantu badduse: omutima gwa Falaawo n'ogw'abaddu be ne gukyukira ku bantu, ne boogera nti Kiki kino kye tukoze, okuleka Isiraeri obutatuweereza?
- 6 N'ateekateeka eggaali lye, n'atwala abantu be wamu naye:
- 7 n'atwala amagaali lukaaga amalonde, n'amagaali gonna ag'e Misiri, n'abaami okubeera ku go gonna.
- 8 Mukama n'akakanyaza omutima gwa Falaawo kabaka w'e Misiri, n'agoberera abaana ba Isiraeri: kubanga abaana ba Isiraeri baifuluma n'okwewaana.
- 9 Abamisiri ne babagoberera ennyuma, embalaasi zonna n'amagaali gonna aga Falaawo, n'ababe abeebagala embalaasi n'eggye lye, ne babatuukako nga basuze kumpi n'ennyanja, ku mabali ga Pikakiroso, mu maaso ga Baalizefoni.
- 10 Falaawo bwe yasembera, abaana ba Isiraeri ne bayimusa amaaso gaabwe, laba, Abamisiri nga babagoberera ennyuma waabwe: ne batya nnyo: abaana ba Isiraeri ne bakaabira Mukama.
- 11 Ne bagamba Musa nti Kubanga tewali ntaana mu Misiri kyovudde otuleeta tufiire mu ddungu? Kiki ekikutukozezza bw'oti, okutuggya mu Misiri?
- 12 Kino si ky'ekigambo kye twakugambira mu Misiri, nga twogera nti Tuleke tuweereze Abamisiri? Kubanga kirungi okubaweereza Abamisiri okusinga okufiira mu ddungu.
- 13 Musa n'abagamba abantu nti Temutya, muyimirire buyimirizi, mulyoke mulabe obulokozi bwa Mukama bw'anaabakolera leero : kubanga Abamisiri be mulabye leero, temulibalaba nate emirembe gyonna.
- 14 Mukama anaabalwanirira, nammwe munaasirika.
- 15 Mukama n'agamba Musa nti Kiki ekikunababizza? Bagambe abaana ba Isiraeri bagende mu maaso.
- 16 Era yimusa omuggo gwo, ogolole omukono gwo ku nnyanja, ogyawulemu: n'abaana ba Isiraeri banaagenda wakati w'ennyanja ku lukalu.
- 17 Nange, laba, nze ndibakakanyaza emitima Abamisiri, baliyingira okubagoberera: nange ndyefunira ekitiibwa ku Falaawo, ne ku ggye lye lyonna, ku magaalige, ne ku bantu be abeebagala.
- 18 Abamisiri balimanya nga nze Mukama bwe ndimala okwefunira ekitiibwa ku Falaawo,

ku magaali ge, ne ku bantu be abeebagala.

- 19 Malayika wa Katonda, eyakulembere eggwe lya Isiraeri, n'avaayo n'adda ennyuma waabwe; empagi ey'ekire n'eva mu maaso gaabwe, n'eyimirira ennyuma waabwe;
- 20 n'ejja n'ebeera wakati w'eggwe ly'e Misiri n'eggwe lya Isiraeri; ne waba ekire n'ekizikiza, naye n'ereeta omusana ekiro : abo ne batabasemberera bali ekiro kyonna.
- 21 Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja; Mukama n'asindika ennyanja n'omuyaga ogw'amaanyi ogw'ebuvanjuba obudde okukya, ennyanja n'agifuula olukalu, amazzi ne geeyawulamu.
- 22 Abaana ba Isiraeri ne bayingira wakati w'ennyanja ku lukalu: amazzi ne gababeerera ekisenge ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono.
- 23 Abamisiri ne bagoberera, ne bayingira ennyuma waabwe wakati w'ennyanja, embal-aasi zonna eza Falaawo, amagaali ge, n'abantu be abeebagala.
- 24 Awo olwatuuka mu kisisimuka eky'enky'a Mukama n'atunuulira eggwe ery'Abamisiri mu mpagi ey'omuliro n'ekire, ne yeeralikiriza eggwe ery'Abamisiri.
- 25 N'aggyako bannamuziga ab'amagaali gaabwe, ne bagagoba nga gazitowa: Abamisiri ne boogera nti Tudduke mu maaso ga Isiraeri; kubanga Mukama abalwanirira ku Bamisiri.
- 26 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo ku nnyanja, amazzi gadde ku Bamisiri, ku magaali gaabwe ne ku beebagazi baabwe.
- 27 Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja, ennyanja n'edda mu maanyi gaayo nga bukedde; Abamisiri ne bagidduka; Mukama Abamisiri n'abakunkumulira wakati mu nnyanja.
- 28 Amazzi ne gadda, ne gasaanikira amagaali, n'abeebagazi, era n'eggwe lya Falaawo lyonna abaayingira mu nnyanja ennyuma waabwe; tewaasigala n'omu mu bo.
- 29 Naye abaana ba Isiraeri ne batambula ku lukalu wakati mu nnyanja; amazzi ne gababeerera ekisenge ku mukono ogwa ddyo, n'ogwa kkono.
- 30 Bw'atyo Mukama n'alokola Isiraeri ku lunaku luli mu mukono gw'Abamisiri; Isiraeri ne balaba Abamisiri nga bafudde ku mabbali g'ennyanja.
- 31 Isiraeri ne balaba omulimu omunene Mukama gwe yakola Abamisiri, abantu ne bamutya Mukama; ne bamukkiriza Mukama n'omuuddu we Musa.

Essuula 15

- 1 Musa n'abaana ba Isiraeri ne balyoka bamuyimbira Mukama oluyimba luno ne boogera nti Ndimuyimbira Mukama, kubanga yawangulidde ddala: Embalaasi n'omwebagazi waayo yabisudde mu nnyanja.
- 2 Mukama ge maanyi gange, era lwe luyimba lwange, Anfuukidde obulokozi bwange: Ono ye Katonda wange, nange ndimutendereza; Ye Katonda wa kitange, nange ndimugulumiza.
- 3 Mukama ye muzira okulwana: Mukama lye linnya lye,
- 4 Amagaali ga Falaawo n'eggwe lye yabisudde mu nnyanja: N'abakungu be be yalonda basaanyeevo mu Nnyanja Emmyufu.
- 5 Obuziba bubasaanikidde: Basse mu buziba ng'ejjinja.
- 6 Omukono gwo ogwa ddyo, Mukama, gulina ekitiibwa mu maanyi, Omukono gwo ogwa ddyo, Mukama, gubetenta omulabe.
- 7 Era mu bukulu obw'okusinga kwo obasuula abakulumba: Otuma obusuugu bwo, ne bubasiriiza ng'ebisasiro.
- 8 Era n'omukka ogw'omu nnyindo zo amazzi gaalinyisibwa. Ebitaba ne biyimirira entuumo; Obuziba ne bukwata mu mutima ogw'ennyanja.
- 9 Omulabe n'ayogera nti Naagoberera, naatuuka, naagereka omunyago: Okwegomba

kwange kunakkusibsva ku bo; Naasowola ekitala kyange, omukono gwange gulibazikiriza.

- 10 Wakunsa omuyaga gwo, ennyanja n'ebasaanikira: Baasaanawo nga lisasi mu mazzi ag'amaanyi.
- 11 Ani afaanana nga ggwe, Mukama, mu bakatonda? Ani afaanana nga ggwe alina ekiti-ibwa mu butukuvu, Ow'entiisa mu kutenderezebwa, akola amagero?
- 12 Wagolola omukono gwo ogwa ddyo, Ensi n'ebamira.
- 13 Ggwe mu kisa kyo wabakulembera abantu be wanunula: N'obaleeta mu maanyi go okutuuka mu kifo kyo ekitukuvu.
- 14 Amawanga gaawulira, ne gakankana: Obulumu bwabakwata abatuula mu Bufirisuuti.
- 15 Abakungu ab'omu Edomu ne balyoka beewuunya; Ab'amaanyi ab'omu Mowaabu, okukankana kubakwata: Abatuula mu Bukanani bonna bayenjebuka.
- 16 Okutekemuka n'entiisa bibaguddeko; Mu bukulu obw'omukono gwo batudde ng'ejjinja; Okutuusa abantu bo lwe balisomoka, Mukama, Okutuusa abantu lwe bali-somoka be weefunira.
- 17 Olibayingiza, olibasimba ku lusozi olw'obusika bwo, Ekifo kye weerongooseza, Mukama, okutuula omwo, Awatukuvu wo, Mukama, emikono gyo we gyanyweza.
- 18 Mukama alifuga emirembe n'emirembe.
- 19 Kubanga embalaasi za Falaawo ne ziyingira wamu n'amagaali ge n'abeebagala mu nnyanja, Mukama n'azzaawo amazzi ag'omu nnyanja ku bo; naye abaana ba Isiraeri ne batambula ku lukalu wakati mu nnyanja.
- 20 Miryamu, nabbi, mwannyina Alooni, n'atwala ensaasi mu mukono gwe; abakazi bonna ne bafuluma ne bamugoberera nga balina ensaasi nga bazina.
- 21 Miryamu n'abaddamu nti Mumuyimbire Mukama, kubanga yawangulidde ddala; Embalaasi n'omwebagazi waayo yabisudde mu nnyanja.
- 22 Musa n'atambuza Isiraeri okuva ku Nnyanja Emmyufu, ne bavaamu ne batuuka mu ddungu lya Ssuuli; ne bagenda ennaku ssatu mu ddungu ne batalaba mazzi.
- 23 Bwe baatuuka e Mala, ne batayinza kunywa ku mazzi ge Mala, kubanga gaali gakaawa : kyekyava kiyitibwa erinnya lyakyo Mala.
- 24 Abantu ne bamwemulugunyiza Musa, nga boogera nti Tunaanywa ki?
- 25 N'akaabira Mukama; Mukama n'amulaga omuti, n'agusuula mu mazzi, amazzi ne gafuuka amalungi. Awo we yabalagirira etteeka n'e mpisa, n'abakemera awo;
- 26 n'ayogera nti Oba nga oliwulira nnyo eddoozi lya Mukama Katonda wo, n'okola obutuukirivu mu maaso ge, n'owulira amateeka ge, n'okwata by'alagira byonna, sirikuteekako ggwe endwadde zonna ze nmateeka ku Bamisiri: kubanga nze Mukama akuwonya.
- 27 Ne batuuka Erimu, awali ensulo z'amazzi ekkumi n'ebbiri, n'enkindu ensanvu: ne basula awo awali amazzi.

Essuula 16

- 1 Ne bava Erimu nga batambula, ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri ne batuuka mu ddungu lya Sini, eriri wakati wa Erimu ne Sinaayi, ku lunaku olw'ekumi n'ettaano olw'omwezi ogw'okubiri nga bamaze okuva mu nsi ey'e Misiri.
- 2 Ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri ne beemulugunyiza Musa ne Alooni mu ddungu:
- 3 abaana ba Isiraeri ne babagamba nti Waakiri twandifiridde olw'omukono gwa Mukama mu nsi ey'e Misiri, bwe twali tutudde awali entamu ez'ennyama, bwe twali tulya emmere nga tukkuta; kubanga mwatufulumya mu ddungu lino, okutta ekibiina kino kyonna n'enjala.

- 4 Mukama n'alyoka agamba Musa nti Laba, nditonnyesa emmere okuva mu ggulu ku lwammwe; n'abantu balifuluma okukuaanya ekitundu eky'olunaku buli lunaku, ndyoke mbakeme nga banaatambuliranga mu mateeka gange oba tebaatambu-lirengamu.
- 5 Awo olunaatuukanga ku lunaku olw'omukaaga banaateekateekanga gye baliyingiza, era eneesinganga emirundi ebiri gye bakuaanya buli lunaku.
- 6 Musa ne Alooni ne bagamba abaana ba Isiraeri bonna nti Olweggulo lwe mulimanya nga Mukama ye yabaggya mu nsi ey'e Misiri:
- 7 era enkya lwe muliraba ekitiibwa kya Mukama; kubanga awulidde okwemulugunya kwammwe ku Mukama: naffe ffe baani, n'okwemuluguaya ne mwemulugunyiza ffe?
- 8 Musa n'ayogera nti Kino kinaabaawo, Mukama bw'anaabawa olweggulo ennyama okulya, n'enkya emmere okukkuta; kubanga Mukama awulidde okwemulugunya kwammwe kwe mumwemulugunyiza: naffe ffe baani? Temwemulugunyiza ffe, wab-ula Mukama.
- 9 Musa n'agamba Alooni nti Bagambe ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri nti Musebere mu maaso ga Mukama: kubanga awulidde okwemulugunya kwammwe.
- 10 Awo, Alooni bwe yali ng'ayogera n'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, ne batunuulira mu ddungu; laba, ekitiibwa kya Mu kama ne kirabika mu kire.
- 11 Mukama n'amugamba Musa, ng'ayogera nti
- 12 Mpulidde okwemulugunya kw'abaaaa ba Isiraeri: obagambe, ng'oyogera nti Olweggulo munaalya ennyama, n'enkya munakkuta emmere; nammwe munaamanya nga nze Mukama Katonda wammwe.
- 13 Awo olweggulo obugubi ne bulyoka bulinnya ne busaanikira olusiisira: enkya olufu ne lugwa ne lwetooloola olusiisira.
- 14 Olufu olwagwa bwe lwaggwaako, laba, ne wabaawo kungulu w'eddungu akantu akatono akeekulungirivu, akatono ng'omusulo omukwafu oguba ku nsi,
- 15 Abaana ba Isiraeri bwe baakiraba ne bagambagana bokka na bokka nti Kiki kino? kubanga tebaamanya bwe kyali. Musa n'abagamba nti Eyo ye mmere Mukama gy'abawadde okulya.
- 16 Ekyo kye kigambo ky'alagidde Mukama nti Mukuaanyeekeo buli muntu nga bw'alya; buli muntu kkomero emu, ng'omuwendo gw'abantu bammwe bwe guli, mulikitwala, buli muntu alibatwalira ab'omu weema ye.
- 17 Abaana ba Isiraeri ne bakola bwe batyo, ne bakuaanya abalala nnyingi, abalala ntono.
- 18 Awo bwe baageranga mu kkomero, eyakuaanya ennyingi n'atafissaawo, era eyakuaanya entono n'ateetaaga; baakuaanya buli muntu nga bw'alya.
- 19 Musa n'abagamba nti Omuntu talekaawo okutuusa enkya.
- 20 Naye Musa ne batamuwulira; naye abamu mu bo ne balekawo okutuusa enkya, n'eza-ala envunyu, n'ewunya: Musa n'abakwatirwa obusungu.
- 21 Ne bakunnaanya buli nkya, buli muntu nga bw'alya: era omusana bwe gwayakanga n'ekereketa.
- 22 Awo olunaku olw'omukaaga bwe lwatuukanga, ne bakuaanya emirundi ebiri emmere, buli muntu kkomeri bbiri: abakulu bonna ab'ekibiina ne bajja ne bamugamba Musa
- 23 N'abagamba nti Ekyo Mukama kye yayogera nti Enkya kye kiwummulo ekikulu, ssabiiti entukuvu eri Mukama: mwokye bye mwagala mufumbe bye mwagala oku-fumba; yonna esigalawo mweterekere ensibo okutuusa enkya.
- 24 Ne beeterekera okutuusa enkya, Musa nga bwe yalagira: n'etewunya, so ne mutaba na nvunyu.
- 25 Musa n'ayogera nti Mulye eno leero; kubanga leero ye ssabiiti eri Mukama; leero temuugirabe mu ttale.
- 26 Mukuaanye mu nnaku mukaaga; naye ku lunaku olw'omusanvu ye ssabiiti, okwo

teribeerawo.

- 27 Awo ku lunaku olw'omusanvu ne bagenda abamu ku bantu okukuaanya, ne batagiraba.
- 28 Mukama n'amugamba Musa nti Mulituusa wa okugaana okukwata amateeka gange n'ebiragi byange?
- 29 Mulabe, kubanga Mukama abawadde ssabbiiti, kyava abawa ku lunaku olw'omukaaga emmere ey'ennaku ebbiri; mutuule buli muntu mu kifo kye, tavanga omuntu yenna mu kifo kye ku lunaku olw'omusanvu.
- 30 Ne bawummulanga abantu ku lunaku olw'omusanvu.
- 31 Ennyumba ya Isiraeri ne bagiyita erinnya lyayo Manu: n'efaanana ng'ensigo za jada, enjeru; n'obuwoomerevu bwayo bufaanana ng'emigaati egy'omubisi gw'enjuki.
- 32 Musa n'ayogera nti Ekyo kye kigambo Mukama kye yalagira nti Kkomero ejjudde eterekerwe emirembe gyammwe; balyoke balabe emmere gye nnabaliisa mu ddungu bwe nnabaggya mu nsi ey'e Misiri.
- 33 Musa n'amugamba Alooni nti Twala ekibya osse munda kkomero ejjudde manu, okiteeke mu maaso ga Mukama, ensibo y'emirembe gyammwe.
- 34 Nga Mukama bwe yalagira Musa, bw'atyo Alooni n'akiteeka mu maaso g'obujulirwa, okubeera ensibo.
- 35 Abaana ba Isiraeri ne baliira manu emyaka amakumi ana, okutuusa lwe baatuuka mu nsi ey'abantu; ne balya manu okutuuka mu nsalo ez'ensi ya Kanani.
- 36 Era kkomero kye kitundu eky'ekkumi ekya efa.

Essuula 17

- 1 Ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri ne batambula okuva mu ddungu lya Sini, mu bisulo byabwe, mu kiragi kya Mukama, ne basula mu Lefidimu; so nga tewali mazzi abantu banywe.
- 2 Abantu kyebaava bamuyombesa Musa, ne boogera nti Tuwe amazzi tunywe. Musa n'abagamba nti Lwaki okunnyombesa nze? Lwaki okumukema Mukama?
- 3 Abantu ne baba n'ennyonta eyo ey'amazzi, abantu ne bamwemulugunyiza Musa, ne boogera nti Lwaki watuggya e Misiri, okututta ffe n'abaana baffe n'ebisibo byaffe n'ennyonta?
- 4 Musa n'amukaabirira Mukama ng'ayogera nti Naabakola ntya abantu bano? babulako katono bankube amayinja.
- 5 Mukama n'amugamba Musa nti Yita mu maaso g'abantu, otwale wamu naawe ku bakadde ba Isiraeri; n'omuggo gwo, gwe wakubya omugga, ogukwate mu mukono gwo, ogende.
- 6 Laba nze naayimirira mu maaso go eyo ku lwazi ku Kolebu; naawe onookuba olwazi, amazzi ganaavaamu, abantu banywe. N'akola bw'atyo Musa mu maaso g'abakadde ba Isiraeri.
- 7 N'atuuma ekifo erinnya lyakyo Masa ne Meriba, olw'okuyomba kw'abaana ba Isiraeri, n'okuba nga baakema Mukama, nga boogera nti Mukama ali mu ffe nantiki?
- 8 Abamaleki ne bajja, ne balwanyisa Isiraeri mu Lefidimu.
- 9 Musa n'agamba Yoswa nti Otulondere abantu, ogende, olwane n'Abamaleki: enkya naayimirira ku ntikko y'olusozi, omuggo gwa Katonda nga guli mu mukono gwange.
- 10 N'akola bw'atyo Yoswa nga bwe yamulagira Musa, n'alwana n'Abamaleki : Musa ne Alooni ne Kuli ne balinnya ku ntikko y'olusozi.
- 11 Awo olwatuuka Musa bwe yayimusa omukono gwe, Isiraeri n'agoba: bwe yagussa omukono gwe, Abamaleki ne bagoba.
- 12 Naye emikono gya Musa ne gitendewererwa; ne batwala ejjinja ne baliteeka wansi we,

n'alituulako; Aloon ne Kuli ne bawanirira emikomo gye, omu eruuyi n'omu eruuyi; emikono gye ne ginywera okutuusa enjuba okugwa.

- 13 Yoswa n'asuula Amaleki n'abantu be n'obwogi bw'ekitala.
- 14 Mukama n'agamba Musa nti Wandika ekyo mu kitabo okubeera ekijjuluzo okibuulire Yoswa mu matu ge: nga ndisangulira ddala okujjukirwa kwa Amaleki wansi w'eggulo.
- 15 Musa n'azimba ekyoto, n'akituuma erinnya lyakyo Yakuwa bendera yange:
- 16 n'ayogera nti Mukama alayidde: Mukama alirwana ne Amaleki emirembe n'emirembe.

Essuula 18

- 1 Yesero, kabona wa Midiyaani, mukoddomi wa Musa, n'awulira byonna Katonda bye yakolera Musa ne Isiraeri abantu be, nti Mukama yaggyamu Isiraeri mu Misiri.
- 2 Yesero, mukoddomi wa Musa, n'atwala Zipola, mukazi wa Musa, bwe yamugoba,
- 3 ye n'abaana be babiri; erinnya ly'omu mu bo Gerusomu; kubanga yayogera nti Nali mugenyi mu nsi etali yange:
- 4 n'erinnya ery'omulala Eryeza; kubanga yayogera nti Katonda wa kitange yali mubeezi wange n'amponya mu kitala kya Falaawo:
- 5 Yesero, mukoddomi wa Musa, n'ajja n'abaana be ne mukazi we eri Musa mu ddungu eryo gye yasula ku lusozi lwa Katonda:
- 6 n'agamba Musa nti Nze mukoddomi wo Yesero nzize gy'oli ne mukazi wo n'abaana be bombi wamu naye.
- 7 Musa n'avaayo okusisinkana mukoddomi we, n'akutama, n'amunywegera; ne babuzagana nti Otyanno? ne bayingira mu weema.
- 8 Musa n'abuuiira mukoddomi we byonna Mukama bye yakola Falaawo n'Abamisiri ku lwa Isiraeri, ebizibu byonna ebyababeerako mu kkubo, era Mukama bwe yabawonya.
- 9 Yesero n'asanyuka ku lw'obulungi bwonna Mukama bwe yakola Isiraeri, kubanga yabalokola mu mukono gw'Abamisiri.
- 10 Yesero n'ayogera nti Yeebazibwe Mukama eyabalokola mu mukono gw'Abamisiri, ne mu mukono gwa Falaawo; eyalokola abantu mu mukono gw'Abamisiri.
- 11 Kaakano ntegedde nti Mukama ye mukulu okusinga bakatonda bonna: weewaawo mu kigambo mwe beenyumiririza ku bo.
- 12 Yesero mukoddomi wa Musa, n'atwala ekiweebwayo ekyokebwa ne ssaddaaka eri Katonda: Aloon n'ajja, n'abakadde bonna aba Isiraeri, balye emmere awamu ne mukoddomi wa Musa mu maaso ga Katonda.
- 13 Awo olwatuuka enkya Musa n'atuula okubalamula abantu: abantu ne bayimirira nga beetoolodde Musa okusooka enkya okutuusa olweggulo.
- 14 Mukoddomi wa Musa bwe yalaba byonna bye yakolera abantu, n'ayogera nti Kiki kino ky'okolera abantu? Lwaki ggwe wekka ggwe otudde, abantu ne baba nga bayimiridde okukwebungulula, okuva enkya okuzibya obudde.
- 15 Musa n'agamba mukoddomi we nti Kubanga abantu bajja gye ndi okubuuza Katonda:
- 16 bwe baba n'ekigambo, ne bajja gye ndi; nange mbasaalira omusango omuntu ne munne, ne mbategeeza amateeka ga Katonda, n'ebiragiro bye.
- 17 Mukoddomi wa Musa n'amugamba nti Ekigambo ky'okola si kirungi.
- 18 Tolirema kusiriira ggwe n'abantu bano abali awamu naawe: kubanga ekigambo kizitowa okusinga bw'oyinza ggwe: toyinza kukituukiriza wekka.
- 19 Kaakano wulira eddoozi lyange, naakuteeseza ebigambo, Katonda abe naawe: obabeerere abantu eri Katonda, oleete ensonga eri Katonda
- 20 naawe olibayigiriza amateeka n'ebiragiro, era olibalaga ekkubo eribagwanidde

okuyitamu, n'emirimu egibagwanidde okukola.

- 21 Nate olonde mu bantu bonna abasajja abasaana, abatya Katonda, ab'amazima, abakyawa amagoba agatali ga butuukirivu; obakuze ku bo, babe abakulu b'enkumi, n'abakulu b'ebikumi, n'abakulu b'amakumi ataano, n'abakulu b'amakumi:
- 22 babasalire abantu omusango ebiseera byonna: kale buli nsonga nnene banaagikuleeteranga ggwe, naye buli nsonga ntono banaagiramulanga bokka: bwe kityo kinaabeeranga kyangu ku ggwe, nabo baneetikkanga wamu naawe.
- 23 Bw'olikola ekigambo ekyo, era Katonda bw'alikulagira bw'atyo, n'olyoka oyinza okugumiikiriza ggwe, n'abantu abo bonna baligenda mu kifo kyabwe mu mirembe.
- 24 Awo Musa n'awulira eddoboosi lya mukoddomi we, n'akola byonna bye yayogera.
- 25 Musa n'alonda abasajja abasaanye mu Isiraeri yenna, n'abakuza ku bantu, abakulu ab'enkumi, abakulu b'ebikumi, abakulu b'amakumi ataano, n'abakulu b'amakumi.
- 26 Ne balamulanga abantu ebiseera byonna; ensonga enzibu baazireeteranga Musa, naye buli nsonga ntono baagiramulanga bokka.
- 27 Musa n'asiibula mukoddomi we; n'agenda mu nsi ye ye.

Essuula 19

- 1 Mu mwezi ogw'okusatu oluvannyuma abaana ba Isiraeri nga bamaze okuva mu nsi ey'e Misiri, ku lunaku luli ne batuuka mu ddungu lya Sinaayi.
- 2 Bwe baava mu Lefidimu ne batuuka mu ddungu lya Sinaayi, ne bakuba eweema mu ddungu; Isiraeri n'asiisira wali mu maaso g'olusozi.
- 3 Musa n'alinnya eri Katonda, Mukama n'amuyita ng'ayima ku lusozi, ng'ayogera nti Bw'otyo bw'olibagamba ennyumba ya Yakobo, n'obabuulira abaana ba Isiraeri
- 4 nti Mwalaba bye nnakola Abamisiri, era bwe nnasitula mmwe n'ebywaawaatiro by'empungu era bwe nnabaleeta gye ndi.
- 5 Kale, kaakano, bwe munaawuliranga eddoboosi lyange ddala, ne mukwata endagaano yange, bwe mutyo munaabanga ekintu kyange ekiganzi mmwe mu mawanga gonna kubanga ensi yonna yange:
- 6 nammwe mulimbeerera obwakabaka bwa bakabona, n'eggwanga ettukuvu. Bino bye bigambo by'olibabuulira abaana ba Isiraeri.
- 7 Musa n'ajja n'ayita abakadde ab'abantu, n'ateka mu maaso gaabwe ebigambo bino byonna Mukama bye yamulagira.
- 8 Abantu bonna ne baddamu awamu ne boogera nti Byonna bye yayogera Mukama tulibikola. Musa n'aleeta nate ebigambo by'abantu eri Mukama.
- 9 Mukama n'amugamba Musa nti Laba, njija gy'oli mu kire ekizimbye, abantu bawulire bwe njogera naawe, era bakukkirize ennaku zonna. Musa n'abuulira Mukama ebigambo eby'abantu.
- 10 Mukama n'agamba Musa nti Genda eri abantu, obatukuze leero ne jjo, era bayoze engoye zaabwe,
- 11 beeteketeke okutuusa olunaku olw'okusatu: kubanga ku lunaku olw'okusatu Mukama alikka mu maaso g'abantu bonna ku lusozi Sinaayi.
- 12 Naawe olibateekera abantu ensalo enjuyi zonna, ng'oyogera nti Mwekuume, muleme okulinnya ku lusozi newakubadde okukwata ku nsalo yaalwo: buli alikwata ku lusozi, talirema kuttibwa:
- 13 omukono gwonna guleme okumukwatako, naye talirema kukubibwa mayinja oba kufumitwa; oba ensolo, oba muntu, taliba mulamu: eombe bw'erivuga ennyo, balisemberera olusozi.
- 14 Musa n'akka ng'ava mu lusozi ng'ajja eri abantu, n'atukuza abantu; ne bayoza engoye zaabwe.

- 15 N'agamba abantu nti Mweteekereteekere alunaku olw'okusatu: temusemberera mukazi.
- 16 Awo ku lunaku olw'okusatu, bwe bwakya enkya, ne waba okubwatuka n'okumyansa, n'ekire ekizimbye ku lusozi, n'eddoboozi ery'eombe eddene ennyo; awo abantu bonna abaali mu lusiisira ne bakankana.
- 17 Musa n'aleeta abantu okuva mu lusiisira basisinkane Katonda; ne bayimirira wansi w'olusozi.
- 18 Olusozi Sinaayi lwonna ne lunyooka omukka, kubanga Mukama yalukkirako mu muliro: omukka gwalwo ne gunyooka ng'omukka gw'ekikoomi, olusozi lwonna ne lukankana nnyo.
- 19 Eddoboozi ly'eombe bwe lyavuga ne lyeyongera nnyo, Musa n'ayogera, Katonda n'amuddamu n'eddoboozi.
- 20 Mukama n'akka ku lusozi Sinaayi, ku ntikko y'olusozi; Mukama n'ayita Musa okulinnya ku ntikko y'olusozi: Musa n'alinnya.
- 21 Mukama n'agamba Musa nti Serengeta, olagire abantu, baleme okuwaguza eri Mukama okwekaliriza n'amaaso, abantu bangi baleme okubula mu bo.
- 22 Era ne bakabona abasemberera Mukama, beetukuze, Mukama aleme okugwa ku bo.
- 23 Musa n'agamba Mukama nti Abantu tebayinza kulinnya ku lusozi Sinaayi: kubanga watulagira, ng'oyogera nti Teeka ensalo okwetooloola olusozi, era olutukuze.
- 24 Mukama n'amugamba nti Genda, oserengete; naawe olirinnya, ggwe ne Alooni wamu naawe; naye bakabona n'abantu baleme okuwaguza okulinnya eri Mukama, aleme okugwa ku bo.
- 25 Awo Musa n'aserengeta eri abantu, n'ababuulira.

Essuula 20

- 1 Katonda n'ayogera ebigambo bino byonna, ng'ayogera nti
- 2 Nze Mukama Katonda wo, eyakuggya mu nsi ey'e Misiri, mu nnyumba ey'obuddu.
- 3 Tobanga na bakatonda balala we ndi.
- 4 Teweekoleranga ekifaananyi ekyole, newakubadde ekifaananyi eky'ekintu kyonna kyonna, ekiri waggulu mu ggulu, newakubadde ekiri wansi ku ttaka, newakubadde ekiri mu mazzi agali wansi w'ettaka:
- 5 tobivuunamiranga ebyo, so tobiweerezanga: kubanga nze Mukama Katonda wo ndi Katonda wa buggya, abibalana ku baana ebibi bya bajjajja baabwe okutuusa ku mirembe egy'oku bannakasatwe ne ku bannakana, egy'abantu abankyawa;
- 6 era addiramumu abantu nga nkumi na nkumi abanjagala, abakwata amateeka gange.
- 7 Tolayiriranga bwereere erinnya lya Mukama Katonda wo: kubanga mu maaso ga Mukama omusango gulimusinga omuntu alayirira obwereere erinnya lye.
- 8 Jjukira olunaku olwa ssabbiiti, okulutukuzanga.
- 9 Ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo gyonna:
- 10 naye olunaku olw'omusanvu ye ssabbiiti eri Mukama Katonda wo: olunaku olwo tolukolerangamu mirimu gyonna gyonna; so naawe wekka, newakubadde omwana wo omulenzi, newakubadde muwala wo, newakubadde omuddu wo, newakubadde omuzana wo, newakubadde ebisolo byo, newakubadde munnaggwanga ali omumwo:
- 11 kubanga mu nnaku omukaaga Mukama mwe yakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu, n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu: Mukama kyeyava aluwa omukisa olunaku olwa ssabbiiti, n'alutukuza.
- 12 Kitaawo ne nnyoko obasangamu ekitiibwa: ennaku zo zibe nnyingi ku nsi gy'akuwadde Mukama Katonda wo.
- 13 Tottanga.

- 14 Toyendanga.
- 15 Tobbanga.
- 16 Towaayirizanga muntu munno.
- 17 Teweegombanga ennyumba ya muntu munno, teweegombanga mukazi wa muntu munno, newakubadde omuddu we, newakubadde omuzaana we, newakubadde ente ye, newakubadde endogoyi ye, newakubadde buli kintu ekya muntu munno.
- 18 Abantu bonna ne balaba okubwatuka, n'enjota, n'eddoboozi ly'eombe, n'olusozi nga lunyooka omukka: abantu bwe baalaba ne bakankana, ne bayimirira wala.
- 19 Ne bagamba Musa nti Ggwe yogera naffe, lwe tunaawulira: naye Katonda aleme okwogera naffe, tuleme okufa.
- 20 Musa n'agamba abantu nti Temutya: kubanga Katonda azze okubakema, era entiisa ye ebeere mu maaso gammwe, muleme okwonoona.
- 21 Abantu ne bayimirira wala, Musa n'asemberera ekizikiza ekikutte Katonda gy'ali.
- 22 Mukama n'agamba Musa nti Bw'otyo bw'ogamba abaana ba Isiraeri nti Mmwe mulabye nga nnyimye mu ggulu okwogera nammwe.
- 23 Temukolanga bakatonda balala we ndi, bakatonda b'effeeza, newakubadde bakatonda b'ezzaabu, temubeekoleranga.
- 24 Ekyoto eky'ettaka onkolere, osseeko ebyo by'owaayo ebyokebwa n'ebyo by'owaayo olw'emirembe, endiga zo n'ente zo: buli wantu we njjukirizanga erinnya lyange ndijja gy'oli nange ndikuwa omukisa.
- 25 Era bw'olinkolera ekyoto eky'amayinja, tokizimbyanga mayinja agatemebwa: kubanga bw'olikiyimusaako ekyuma kyo, ng'okireetedde obugwagwa.
- 26 So tolannyanga ku kyoto kyange ku madaala, oleme okukunamirako.

Essuula 21

- 1 Egyo gye misango gy'oliteeka mu maaso gaabwe.
- 2 Bw'ogulanga omuddu Omwebbulaniya, aweererezanga emyaka mukaaga: awo ogw'omusanvu aligenda n'eddembe bwereere.
- 3 Oba nga yajja omu, agendanga omu: oba nga alina omukazi, mukazi we agendanga naye.
- 4 Mukama we bw'amuwanga omukazi n'amuzaalira abaana ab'obulenzi oba abaana ab'obuwala; omukazi n'abaana be balibeera ba mukama we, naye agendanga omu.
- 5 Naye omuddu bw'ayogereranga ddala nti Njagala mukama wange; mukazi wange; n'abaana bange; saagala kugenda n'eddembe:
- 6 Awo mukama we amuleetanga eri Katonda, amuleetanga ku luggi oba ku mufuubeeto; ne mukama we amuwummulanga okutu n'olukato; anaamuweerezanga ennaku zonna.
- 7 Omuntu bw'atundanga muwala we okubeera omuzaana, tagendanga ng'abaddu bwe bagenda.
- 8 Oba nga tasanyusa mukama we, eyamuwasa, amulekanga okununulibwa: okumuguza bannaggwanga taliragirwa, kubanga amulimbye.
- 9 Oba nga amugabira omwana we, amukolanga ng'abawala.
- 10 Oba ng'awasa omulala; emmere ye, n'engoye ze n'ebigambo bye eby'obugole tabik-endeelangako.
- 11 Era bw'atamukoleranga ebyo byonsatule, aligenda bwereere, awatali bintu.
- 12 Akubanga omuntu okumutta, talemanga kuttibwa.
- 13 Era omuntu bw'atateeganga, naye Katonda n'amuteeka mu mukono gwe; oyo ndikula-girira ekifo ky'aliddukiramu.
- 14 Omuntu bw'ajjanga ng'agira ekyejo ku munne, okumutta n'olukwe; omuggyanga ku kyoto kyange, afe.

- 15 Akubanga kitaawe oba nnyina, talemanga kuttibwa.
- 16 Abbanga omuntu n'amutunda, oba bw'alabikanga mu mukono gwe, talemanga kuttibwa.
- 17 Akolimiranga kitaawe oba nnyina, talemanga kuttibwa.
- 18 Era abantu bwe balwananga, omuntu omu n'akuba munne ejinja oba kikonde, n'atafa naye n'amala agalamizibwa ku kitanda:
- 19 bw'agolokokanga n'avaayo n'asenvulira ku muggo, eyamukuba nga tazzizza musango: naye amugattanga olw'ebiseera bye bye yamwonoonera, era alimuwonyeza ddala.
- 20 Era omuntu bw'akubanga omuddu we oba muzaana we n'omuggo bw'afanga ng'akyali wansi w'omukono gwe; talemanga kubonerezebwa.
- 21 Naye bw'alwangawo ng'ennaku ebbiri, tabonerezebwa: kubanga oli bye bintu bye.
- 22 Era abantu bwe balwanalwananga, ne bakola obubi omukazi alina olubuto; olubuto ne luvaamu, naye akabi konna ne katabaawo: talemanga kuliwa, nga bba w'omukazi bw'alimusalira; aliriwa ng'abalamuzi bwe balagiranga.
- 23 Naye akabi bwe kabangawo, owangayo obulamu olw'obulamu,
- 24 eriiso olw'eriiso, erinnyo olw'erinnyo, omukono olw'omukono, ekigere olw'ekigere,
- 25 okwokebwa olw'okwokebwa, ekiwundu olw'ekiwundu, okukubibwa olw'okukubibwa.
- 26 Era omuntu bw'akubanga eriiso ly'omuddu we, oba eriiso ly'omuzaana we n'aliziba; amuwanga eddembe olw'eriiso lye.
- 27 Omuntu bw'akubanga erinnyo ly'omuddu we oba erinnyo ly'omuzaana we, amuwanga eddembe olw'erinnyo lye.
- 28 Era ente bw'etomeranga omusajja oba mukazi okubatta, ente teremanga kukubibwa mayinja, so n'ennyama yaayo teriibwanga; naye nannyini nte nga taliiko musango.
- 29 Naye ente nga yamanyiira okutomeza amayembe edda, nannyiniyo n'abuulirwa so n'atagisiba, naye bw'ettanga amusajja oba mukazi; ente ekubibwanga amayinja, era ne nannyiniyo attibwanga.
- 30 Bwe bamusaliranga olufuubanja, awangayo ebintu bye bamusalidde byonna okununula obulamu bwe.
- 31 Bw'etomeranga omwana ow'obulenzi oba omwana ow'obuwala, nannyiniyo ateekebwangako omusango gwe gumu.
- 32 Ente bw'etomeranga omuddu oba muzaana; awangayo eri mukama waabwe ebitundu eby'effeeza amakumi asatu, era n'ente ekubibwanga amayinja.
- 33 Era omuntu bw'abikkulanga obunnya oba omuntu bw'asimanga obunnya n'atabubikkako, ente oba endogoyi n'egwamu,
- 34 nannyini bunnya amuliyiranga omuwendo gw'ente; awangayo effeeza eri nannyinizo, n'ekisolo ekifudde kibeeranga kikyey.
- 35 Era ente y'omuntu bw'etomeranga ente ey'omulala n'emala egitta; batundanga ente ekyali ennamu, ne bagabana omuwendo gwayo; era n'efudde bagigabananga.
- 36 Oba bwe kimanyiibwanga nti ente yamanyiira okutomeza amayembe edda, nannyiniyo n'atagisiba; talemanga kuliwa ente olw'ente, n'ekisolo ekifudde kibeeranga kikyey.

Essuula 22

- 1 Omuntu bw'abbanga ente, oba endiga, n'amala agitta oba kugitunda; azzangawo ente ttaano olw'ente, n'endiga nnya olw'endiga.
- 2 Omubbi bw'alabibwanga ng'asima n'akubibwa n'amala afa, tewabanga musango gwa musaayi ku lulwe.

- 3 Oba enjuba bw'eba ng'evuddeyo ku ye, wabanga omusango ogw'omusaayi ku lulwe: kimugwanidde okuliwa; oba nga talina kintu, atundibwanga olw'okubba kwe.
- 4 Kye yabba bwe kirabikanga mu mukono gwe nga kikyali kiramu, oba nte, oba ndogoyi, oba ndiga; azzangawo bbiri.
- 5 Omuntu bw'aliisanga olusuku oba nnimiro y'emizabbibu, bw'agirekanga ensolo ye n'erya ku lusuku olw'omuntu omulala; aliwanga ku by'olusuku lwe ebisinga, ne ku by'ennimiro ye ey'emizabbibu ebisinga.
- 6 Omuliro bwe gwakanga ne gulinnya mu maggwa, emitwalo gy'eaano oba eaano ng'ekyamera oba nnimiro ne bimala bisiriira; akumanga omuliro, talemanga kuliwa.
- 7 Omuntu bw'ateresanga munne effeeza oba bintu, ne bamala babibbira mu nnyumba ye; omubbi bw'anaalabikanga aliwanga emirundi ebiri.
- 8 Omubbi bw'atalabikanga, nannyini nnyumba asemblereranga Katonda, okulaba oba nga teyateeka mukono gwe ku bintu bya munne.
- 9 Kubanga buli kigambo eky'okwonoona, oba olw'ente, oba olw'endogoyi, oba olw'endiga, oba olw'engoye, oba olwa buli kibuze, omuntu ky'ayogerako nti Kye kino, ensonga ey'abo bombi ereetwanga eri Katonda; oli Katonda gw'asaliranga omusango aliwanga emirundi ebiri.
- 10 Omuntu bw'ateresanga munne endogoyi, oba nte, oba ndiga, oba nsolo yonna; nayo n'emala efa, oba kufaafaagana, oba okugobebwa nga tewali muntu alaba:
- 11 ekirayiro kya Mukama kibeeranga wakati waabwe bombi, nga teyateeka mukono gwe ku bintu bya munne; nannyiniyo akikkirizanga, so taliwanga.
- 12 Naye bw'ebbibwanga ku ye, amuliyiranga nannyiniyo.
- 13 Bw'etaagulwataagulwanga, agireetanga ebe omujulirwa; tamuliyiranga olw'etaagud-dwa.
- 14 Era omuntu bw'asabanga ekintu eri munne, ne kyonooneka, oba ne kifa, nga taliwo nannyinikyo, talemanga kumuliyira.
- 15 Nannyinikyo bw'abangawo, tamuliyiranga: bwe kibanga eky'empeera, nga kyajja lwa mpeera yaakyo olw'okupangisa.
- 16 Era omuntu bw'asendasendanga omuwala omuto atannayogerezebwa n'amala amwonoona, talemanga kuliwa bintu eby'obuko ku lulwe alyoke abeere mukazi we.
- 17 Kitaawe bw'agaaniranga ddala okumumuwa, aliwanga ku muwendo ogw'okwogereza abawala abato.
- 18 Omukazi omulogo tomulekanga mulamu.
- 19 Buli asulanga n'ensolo, talemanga kuttibwa.
- 20 Awangayo ssaddaaka eri katonda yenna, wabula eri Mukama yekka, azikirizibwanga ddala.
- 21 Era munnaggwanga tomwonoona, so tomukolanga bubi: kubanga mwali bannaggwanga mu nsi ey'e Misiri.
- 22 Buli nnamwandu ne mulekwa temubabonyaabonyanga.
- 23 Bw'onoobabonyaabonyanga n'akatono, bwe banankaabiranga nze, siiremenga kuwulira kukaba kwabwe;
- 24 era obusungu bwange bulyaka nnyo, nange naabattanga n'ekitala; ne bakazi bammwe baliba bannamwandu, n'abaana bammwe bamulekwa.
- 25 Bw'owolanga buli omu mu bantu bange ali naawe effeeza nga mwavu, tomubeer-eranga ng'omubanzi, so tomusaliranga magoba.
- 26 Bw'osingirwanga ekyambalo kya munno, omuddizangayo enjuba nga tennagwa:
- 27 kubanga ekyo kye kimubikka kyokka, kye kyambalo kye eky'omubiri gwe: aneebikka ki? awo, bw'anankaabiranga, naawuliranga; kubanga nnina ekisa.
- 28 Tovumanga Katonda, so tokolimiranga omukulu w'abantu bo.
- 29 Tolwanga kuwaayo ku bungi obw'ebibala byo n'envinnyo yo. Omubereberye mu

baana bo omumpanga.

- 30 Bw'otyo bw'onookolanga era n'ente zo, n'endiga zo: ennaku musanvu ebeeranga ne nnyina waayo; ku lunaku olw'omunaana ogimpanga nze.
- 31 Era munaabanga abantu abatukuvu gye ndi: kyemunaavanga mulema okulya ku nnyama ensolo gye zisse mu nsiko; mugisuuliranga embwa.

Essuula 23

- 1 Tokkirizanga kigambo kya bulimba: toteekanga mukono gwo awamu n'abatali batuukirivu okubeera omujulirwa ow'obulimba.
- 2 Togobereranga bangi okukola obubi; so toyogeranga mu nsonga okyame eri abangu okukyusa omusango:
- 3 so tomusalirizanga omwavu mu nsonga ye.
- 4 Bw'osanganga ente ey'omulabe wo oba ndogoyi ye ng'ekyama, tolemanga kugimuleetera nate.
- 5 Bw'olabanga endogoyi y'oyo akukyaye ng'egalamizibbwa wansi w'omugugu gwayo, bw'oyagalanga obutamuyamba, tolemanga kumuyamba.
- 6 Tokyusanga musango gwa mwavu wo mu nsonga ye.
- 7 Weebalamanga mu kigambo eky'obulimba; so tomuttanga atalina kabi n'omutuukirivu: kubanga sirifuula omubi okubeera omutuukirivu.
- 8 Era toweebwanga kirabo: kubanga ekirabo kibaziba amaaso abatunula, kikyusa ebigambo by'abatuukirivu.
- 9 Tokolanga bubu munnaggwanga: kubanga mmwe mumanyi omutima gw'omunnaggwanga, kubanga mwali bannaggwanga mu nsi ey'e Misiri.
- 10 Era emyaka mukaaga osiganga ensi yo, n'okuaanyanga ebibala byayo:
- 11 naye omwaka ogw'omusanvu ogiwummuzanga ereme okubeera n'emirimu; abaavu ab'omu bantu bo balyoke balye : gye balekangawo ensolo ey'omu nsiko egiryanga. Bw'otyo bw'onookolanga olusuku lwo olw'emizabbibu, n'olw'emizeeyituuni.
- 12 Ennaku omukaaga kolanga emirimu gyo, ne ku lunaku olw'omusanvu wummulanga: ente yo n'endogoyi yo ziryoke ziwummule, n'omwana ow'omuzaana wo, ne munnaggwanga bafune amaanyi.
- 13 Era mu bigambo byonna bye nnabagamba, mwekuumanga: so toyogeranga n'akatono erinnya lya bakatonda abalala newakubadde okuwulikika mu kamwa ko.
- 14 Buli mwaka emirundi esatu oneekuumiranga embaga.
- 15 Embaga ey'emigaati egitazimbulukuswa ogyekuumanga: ennaku musanvu olyanga egitazimbulukuswa, nga bwe nnakulagira, mu biro ebyateekebwawo mu mwezi gwa Abibu (kubanga mu ogwo mwe mwaviira mu Misiri); so temulabikanga busa mu maaso gange n'omu:
- 16 era embaga ey'okunoga ebibala ebibereberye eby'emirimu gyo, bye wasiga mu nnimiro: era embaga ey'okukungula ku nkomerero y'omwaka, bw'okungulanga emirimu gyo mu nnimiro.
- 17 Buli mwaka emirundi esatu abasajja bo bonna balabikanga mu maaso ga Mukama Katonda.
- 18 Towangayo musaayi gwa ssaddaaka yange wamu n'emigaati egizimbulukuswa; so n'amasavu ag'embaga yange tegasigalangawo ekiro kyonna okutuuka enkya.
- 19 Ebibereberye eby'ebisooka okubala eby'ensi yo obireetanga mu nnyumba ya Mukama Katonda wo. Tofumbiranga omwana gw'embuzi mu mata ga nnyina wagwo.
- 20 Laba, ntuma malayika mu maaso go, akukuume mu kkubo, akuleete mu kifo kye nnateekateeka.
- 21 Mumutunuulire, mumuwulire eddoozi lye; temumusunguwaza; kubanga

- talibasonyiwa okwonoona kwammwe; kubanga erinnya lyange liri mu nda ye.
- 22 Naye bw'onoowuliriranga ddala eddoozi lye, n'okolanga byonna bye njogera; bwe kityo naababeeranga omulabe abalabe bo, ndibaziyiza abakuziyiza.
 - 23 Kubanga malayika wange alikulemba mu maaso go, alikuyingiza eri Omwamoli, n'eri Omukiiti, n'eri Omuperizi, n'eri Omukanani, n'eri Omukiivi, n'eri Omuyebusi: nange ndibazikiriza.
 - 24 Tovunamiranga bakatonda baabwe, so tobaweerezanga, so tokolanga ng'ebikolwa byabwe: naye olibasuulira ddala, era olimenyaamenya empagi zaabwe.
 - 25 Era munaaweerezanga Mukama Katonda wammwe, naye aligiwa omukisa emmere yo n'amazzi go; nange ndiggyawo endwadde wakati wammwe.
 - 26 Tewaliba kirivaamu olubuto, newakubadde ekigumba, mu nsi yo: omuwendo gw'ennaku zo ndigutuukiriza.
 - 27 Ndisindika entiisa yange mu maaso go, ndibateganya abantu bonna b'olituukako, ndikukyusiza amabega gaabwe abalabe bo bonna.
 - 28 Era ndisindika ennumba mu maaso go, eribagoba Omukiivi, n'Omukanani, n'Omukiiti, mu maaso go.
 - 29 Siribagoba mu maaso go mu mwaka ogumu; ensi ereme okuzika, so n'ensolo ey'omu nsiko ereme okweyongera ku ggwe.
 - 30 Katono katono ndibagoba mu maaso go, okutuusa lw'olyeyongera, n'osikira ensi.
 - 31 Era ndissaawo ensalo yo okuva ku Nnyanja Emmyufu okutuuka ku nnyanja ey'Abafirisuuti, n'okuva mu ddungu okutuuka ku Mugga: kubanga ndiwaayo mu mukono gwammwe abatudde mu nsi; naawe olibagoba mu maaso go.
 - 32 Tolagaananga ndagaano nabo, so ne bakatonda baabwe.
 - 33 Tebatuulanga mu nsi yo, baleme okukwonoonya ku nze: kubanga bw'oliweereza bakatonda baabwe, tekirirema kukubeerera kyambika.

Essuula 24

- 1 N'agamba Musa nti Linnya eri Mukama, ggwe ne Alooni, Nadabu, ne Abiku, n'ensanvu ey'abakadde ba Isiraeri; era musinzize wala:
- 2 Musa yekka asemblerere Mukama; naye bo baleme okusembera so abantu baleme okulinyanya awamu naye.
- 3 Musa n'ajja n'agamba abantu ebigambo byonna ebya Mukama, n'emisango gyonna: abantu bonna ne baddamu n'eddoozi limu, ne boogera nti Ebigambo byonna Mukama by'ayogedde tulibikola.
- 4 Musa n'awandiika ebigambo byonna ebya Mukama, n'agolokoka enkya mu makya, n'azimba ekyoto wansi w'olusozi, n'empagi kkumi na bbiri, ng'ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri.
- 5 N'atuma abavubuka ab'abaana ba Isiraeri, ne bookya ebyokwokya, ne bawaayo ebiweebwayo olw'emirembe eby'ente eri Mukama.
- 6 Musa n'atwala ekitundu ky'omusaayi, n'akifuka mu bibya; n'ekitundu ky'omusaayi, n'akimansira ku kyoto.
- 7 N'atoola ekitabo eky'endagaano, n'asoma mu matu g'abantu: ne boogera nti Byonna Mukama by'ayogedde tulibikola, era tuliwulira.
- 8 Musa n'atoola omusaayi, n'agumansira ku bantu, n'ayogera nti Laba omusaayi ogw'endagaano, Mukama gy'alagaanye nammwe mu bigambo bino byonna.
- 9 Musa n'alyoka alinnya, ne Alooni, Nadabu, ne Abiku, n'ensanvu ey'abakadde ba Isiraeri:
- 10 ne balaba Katonda wa Isiraeri; ne wansi w'ebigere bye ne waba ng'omulimu ogw'amayinja amaaliire aga safiro, agafaanana ng'eggulu lyennyini okutangaala.

- 11 So ku bakungu b'abaana ba Isiraeri n'ateekako mukono gwe: ne bamulaba Katonda, ne balya ne banywa:
- 12 Mukama n'agamba Musa nti Linnya gye ndi ku lusozi, obeereyo : nange ndikuwa ebipande by'amayinja, n'amateeka n'ekiragi, bye mpandiise, obiyigirize.
- 13 Musa n'agolokoka ne Yoswa omuweereza we: Musa n'alinnya ku lusozi lwa Katonda.
- 14 N'agamba abakadde nti Mutulindirire wano, okutuusa lwe tulibajjira nate: ne Alooni ne Kuuli, laba, bali wamu nammwe: buli alina ensonga, asemblerere bo.
- 15 Musa n'alinnya ku lusozi, ekire ne kibikka olusozi.
- 16 Ekitiibwa kya Mukama ne kibeera ku lusozi Sinaayi, ekire ne kirubikkira ennaku mukaaga: ku lunaku olw'omusanvu n'ayita Musa ng'ayima wakati w'ekire.
- 17 Ekifaananyi ky'ekitiibwa kya Mukama ne kiba ng'omuliro ogwaka ku ntikko y'olusozi mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 18 Musa n'ayingira wakati mu kire, n'alinnya ku lusozi: Musa n'amala ku lusozi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro.

Essuula 25

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Babuulire abaana ba Isiraeri bantwalire ekiweebwayo: eri buli muntu omutima gwe gwagaza mulitwala ekiweebwayo kyange.
- 3 Kino kye kiweebwayo kye mulibatwalako: zaabu, n'effeeza, n'ekikomo;
- 4 n'olugoye lwa kaniki, n'olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta, n'ebyoya by'embuzi;
- 5 n'amaliba g'endiga amannyike amamyufu, n'amaliba g'eonge, n'omuti gwa sita;
- 6 amafuta g'ettabaaza, n'eby'akaloosa eby'okunyookeza;
- 7 amayinja aga onuku, n'amayinja ag'okutona, okubeera ku kkanzu ne ku ky'omu kifuba.
- 8 Era Bankolere awatukuvu; ndyoke ntuule wakati waabwe.
- 9 Nga byonna bye nkulaga, engeri ey'eweema, n'engeri ey'ebintu byayo byonna, bwe mutyo bwe mulikola.
- 10 Era balikola essanduuko ey'omuti gwa sita: emikono ebiri n'ekitundu obuwanvu bwayo, era omukono n'ekitundu obugazi bwayo, era omukono n'ekitundu obugulumivu bwayo.
- 11 Era oligibikkako zaabu ennungi, munda ne kungulu oligibikkako, era olikola ku yo engule eya zaabu okwetooloola.
- 12 Era oligifumbira empeta nnya eza zaabu, n'oteeka mu magulu gaayo ana; n'empeta bbiri ziriba ku lubiriizi lumu, n'empeta bbiri ziriba ku lubiriizi olw'okubiri.
- 13 Era olikola emisituliro ey'omuti gwa sita, oligibikkako zaabu.
- 14 Era oligiyingiza emisituliro mu mpeta ku mbiriizi ez'essanduuko, esituli bwenga n'egyo.
- 15 Emisituliro giribeera mu mpeta ez'essanduuko: tegiggibwangamu.
- 16 Era oliteeka mu ssanduuko obujulirwa bwe ndikuwa.
- 17 Era olikola entebe ey'okusaasira ne zaabu ennungi: emikono ebiri n'ekitundu obuwanvu bwayo, era omukono n'ekitundu obugazi bwayo.
- 18 Era olikola ba kerubi babiri aba zaabu; mu zaabu empeese mw'olibakola, ku nsonda bbiri ez'entebe ey'okusaasira.
- 19 Era kola kerubi omu ku nsonda eyo, ne kerubi ow'okubiri ku nsonda eyo: ba zaabu emu n'entebe ey'okusaasira bwe mulikola bakerubi babiri ku nsonda zaayo ebbiri.
- 20 Era bakerubi baligolola ebiwaawaatiro byabwe waggulu, nga bayanjaaza ku ntebe ey'okusaasira ebiwaawaatiro byabwe, nga balabagana amaaso gaabwe; amaaso ga bakerubi galitunuulira entebe ey'okusaasira.

- 21 Era oliteeka entebe ey'okusaasira waggulu ku sanduuko; era mu sanduuko mw'oliteeka obujulirwa bwe ndikuwa.
- 22 Era okwo kwe nnaalabaganiranga naawe, nange naanyumyanga naawe okuyima waggulu ku ntebe ey'okusaasira, wakati wa bakerubi ababiri abali ku ssanduuko ey'obujulirwa, ku byonna bye nnaakuIagiranga eri abaana ba Isiraeri.
- 23 Era olikola emmeeza ey'omuti gwa sita: emikono ebiri obuwanvu bwayo, n'omukono obugazi bwayo, n'omukono n'ekitundu obugulumivu bwayo.
- 24 Era oligibikkako zaabu ennungi, era oligikolera engule eya zaabu okwetooloola.
- 25 Era oligikolako olukugiro olw'oluta okwetooloola, era olirukolako olukugiro lwayo engule eya zaabu okwetooloola.
- 26 Era oligikolera empeta nnya eza zaabu, n'oziteeka empeta ku nsonda ennya eziri ku magulu gaayo ana.
- 27 Kumpi n'olukugiro we ziriba empeta, zibeere ebifo by'emisituliro egy'okusitula emmeeza.
- 28 Era olikola emisituliro n'omuti gwa sita, era oligibikkako zaabu, emmeeza esitulibwenga n'egyo.
- 29 Era olikola essowaani zaayo, n'ebijiiko byayo, n'ensuwa zaayo, n'ebibya byayo okufuka: ne zaabu ennungi olibikola.
- 30 Era oliwaayo ku mneeza emigaati egy'okulaga mu maaso gange bulijjo.
- 31 Era olikola ekikondo ne zaabu ennungi: ekikondo kiriweesebwa, entobo yaakyo, n'omukonda gwakyo; ebikompe byakyo, n'emitwe gyakyo, n'ebimuli byakyo, biribeera bya zaabu emu nakyoy:
- 32 n'amatabi mukaaga galiva mu mbiriizi zaakyo; amatabi asatu ag'ekikondo mu lubiriizi lwakyo lumu, n'amatabi asatu ag'ekikondo mu lubiriizi lwakyo olw'okubiri:
- 33 ebikompe bisatu ebifaanana ng'ebimuli bya kaluwa mu ttabi limu, omutwe n'ekimuli; n'ebikompe bisatu ebifaanana ng'ebimuli bya kaluwa mu ttabi ery'okubiri, omutwe n'ekimuli; bwe kityo mu matabi mukaaga agava ku kikondo;
- 34 ne mu kikondo ebikompe bina ebifaanana ng'ebimuli bya kaluwa, emitwe gyakyo n'ebimuli byakyo:
- 35 n'omutwe gube wansi w'amatabi abiri aga zaabu emu nagwo, n'omutwe wansi w'amatabi abiri aga zaabu emu nagwo, mu matabi omukaaga agava ku kikondo.
- 36 Emitwe gyago n'amatabi gaago biribeera bya zaabu emu nakyoy: kyonna kiribeera ekyaweesebwa ekya zaabu ennungi ekimu.
- 37 Era olikola eby'ettabaaza byakyo, omusanvu: era banaakoleezanga eby'ettabaaza byakyo, okwakira mu maaso gaakyo.
- 38 Ne makaasi waakyo, ne ssowaani zaakyo ez'ebisiriiza, biribeera bya zaabu ennungi.
- 39 Ne ttalanta eya zaabu ennungi bwe kirikolebwa, n'ebintu ebyo byonna.
- 40 Era weekuume obikole mu ngeri yaabyo gye walagibwa ku lusozi.

Essuula 26

- 1 Era olikola eweema n'emitanda kkumi; ne bafuta erangiddwa, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bakerubi omulimu ogw'omukozi ow'amagezi oligikola.
- 2 Obuwanvu bwa buli mutanda bulibeera emikono amakumi abiri mu munaana, n'obugazi bwa buli mutanda emikono ena: emitanda gyonna giribeera gya kigero kimu.
- 3 Emitanda etaano girigattibwa gyokka na gyokka; n'emitanda etaano girigattibwa gyokka na gyokka.
- 4 Era olikola eango eza kaniki ku lukugiro lw'omutanda ogumu okuva mu nsonda

ey'emigatte; era bw'otyo bw'olikola ku lukugiro lw'omutanda ogw'oku mabbali g'emigatte egy'okubiri.

- 5 Olikola eango amakumi ataano ku mutanda gumu, era olikola eango amakumi ataano ku lukugiro lw'omutaada ogw'omu migatte egy'okubiri; eango zirirabagana zokka na zokka.
- 6 Era olikola ebikwaso amakumi ataano ebya zaabu, ogatte emitanda gyokka na gyokka n'ebikwaso: eweema eribeera emu.
- 7 Era olikola emitanda egy'ebyoya by'embuzi okubeera eweema ku weema: oligikola emitanda kkumi na gumu.
- 8 Obuwanvu bwa buli mutanda bulibeera emikono amakumi asatu, n'obugazi bwa buli mutanda emikono ena: emitanda kkumi na gumu giribeera gya kigero kimu.
- 9 Era oligatta emitanda etaano gyokka, n'emitanda omukaaga gyokka, era olifunyamu mu mutanda ogw'omukaaga mu maaso g'eweema.
- 10 Era olikola eango amakumi ataano ku lukugiro lw'omutanda gumu ogw'oku mabbali g'emigatte, n'eango amakumi ataano ku lukugiro lw'omutanda ogw'oku mabbali g'emigatte egy'okubiri.
- 11 Era olikola ebikwaso amakumi ataano eby'ebikomo, oliteekamu ebikwaso mu ango, oligatta eweema, ebeere emu.
- 12 N'ekitundu eky'emitanda gy'eweema ekifikkawo ekireebeeta, ekitundu kimu eky'omutanda ekifikkawo, kirireebeeta ku mabega g'eweema.
- 13 N'omukono ogw'okuluuyi luno, n'omukono ogw'oku luuyi luli, ogufikkawo mu buwanvu bw'emitanda gy'eweema, gulireebeeta ku mbiriizi z'eweema eruuyi n'eruyi, okugibikka.
- 14 Era olikola ku weema n'amaliba g'endiga eza seddume amannyike amamyufu, ne kungulu ekyokugibikkako eky'amaliba g'eonge.
- 15 Era olikola embaawo ez'eweema ez'omuti gwa sita, ziyimirire.
- 16 Emikono kkumi bwe bulibeera obuwanvu bw'olubaawo, n'omukono n'ekitundu bwe bulibeera obugazi bwa buli lubaawo.
- 17 Mu buli lubaawo mulibeera ennimi bbiri, ezigattibwa zokka na zokka: bw'otyo bw'olikola ku mbaawo zonna ez'eweema.
- 18 Era olikola embaawo ez'eweema, embaawo amakumi abiri ez'oluuyi lw'obukiika obwa ddyo mu bukiika obwa ddyo.
- 19 Era olikola ebinnya ebya ffeeza amakumi ana wansi w'embaawo amakumi abiri; ebinnya bibiri wansi w'olubaawo lumu eby'ennimi zaalwo ebbiri, n'ebinnya bibiri wansi w'olubaawo olulala eby'ennimi zaalwo ebbiri:
- 20 era ez'oluuyi olw'okubiri olw'eweema, ku luuyi lw'obukiika obwa kkono, embaawo amakumi abiri:
- 21 n'ebinnya byazo ebya ffeeza amakumi ana; ebinnya bibiri wansi w'olubaawo lumu; n'ebinnya bibiri wansi w'olubaawo olulala.
- 22 N'ez'oluuyi lw'eweema olw'emabega mu bugwanjuba, olikola embaawo mukaaga.
- 23 Era olikola embaawo bbiri ez'ensonda ez'eweema ku luuyi olw'emabega.
- 24 Ziriba bbiri bbiri wansi, bwe zityo bwe ziriba ennamba waggulu waazo okutuuka empeta emu: bwe zityo bwe ziriba zombi; ziribeera ez'ensonda ebbiri.
- 25 Era waliba embaawo munaana, n'ebinnya byazo ebya ffeeza, ebinnya kkumi na mukaaga; ebinnya ebibiri wansi w'olubaawo lumu, n'ebinnya bibiri wansi w'olubaawo olulala.
- 26 Era olikola emiti egy'omuti gwa sita; etaano egy'embaawo ez'oluuyi olumu olw'eweema,
- 27 n'emiti etaano egy'embaawo ez'oluuyi olw'okubiri olw'eweema, n'emiti etaano egy'embaawo ez'oluuyi olw'eweema, ku luuyi olw'emabega, olw'ebugwanjuba.

- 28 N'omuti ogwa wakati w'embaawo guyitemu eruuyi n'eruuyi.
- 29 N'embaawo olizibikkako zaabu, era olikola empeta zaazo za zaabu omwokuteekera emiti: n'emiti oligibikkako zaabu.
- 30 Era olizimba eweema mu ngeri yaayo gye walagibwa ku lusozi.
- 31 Era olikola eggigi erya kaniki, n'ery'olugoye olw'effulungu, n'ery'olumyufu, n'erya bafuta ennungi erangiddwa: ne bakerubi omulimu ogw'abakozi ab'amagezi bwe lirikolebwa:
- 32 era oliriwanika ku mpagi nnya ez'omuti gwa sita ezibikkiddwako zaabu, ebikwaso byazo biribeera bya zaabu, ku binnya bina ebya ffeeza.
- 33 Era oliwanika eggigi wansi w'ebikwaso, n'essanduuko ey'obujulirwa oligiyingiza eri munda w'eggigi: n'eggigi liryawulamu eri mmwe awatukuvu n'awasinga obutukuvu.
- 34 Era oliteeka entebe ey'okusaasira ku ssanduuko ey'obujulirwa mu wasinga obutukuvu.
- 35 N'emmeeza oligiteeka ebweru w'eggigi, n'ekikondo mu maaso g'emmeeza ku luuyi olw'eweema olw'obukiika obwa ddyo: n'emmeeza oligiteeka ku luuyi olw'obukiika obwa kkono.
- 36 Era olikola oluggi olw'omulyango ogw'eweema, olwa kaniki, n'olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta erangiddwa, omulimu ogw'omudaliza.
- 37 Era olikola empagi ttaano ez'omuti gwa sita ez'oluggi, olizibikkako zaabu; ebikwaso byazo biribeera bya zaabu: era olizifumbira ebinnya bitaano eby'ekikomo.

Essuula 27

- 1 Era olikola ekyoto n'omuti gwa sita, emikono etaano obuwanvu, n'emikono etaano obugazi; ekyoto kiryenkanankana: n'obugulumivu bulibeera emikono esatu.
- 2 Era olikola amayembe gaakyo ku nsonda zaakyo ennya: amayembe gaakyo galibeera ga muti gumu nakyo; era olikibikkako ekikomo.
- 3 Era olikola entamu zaakyo ez'okutwaliramu evvu lyakyo, n'ebijiiko byakyo, n'ebibya byakyo, n'eby'okukwasa ennyama byakyo, n'emmumbiro zaakyo: ebintu byakyo byonna olibikola bya bikomo.
- 4 Era olikikolera ekitindiro eky'ekikomo ekirukibwa; ne ku kirukiddwa olikolako empeta nnya ez'ebikomo ku nsonda zaakyo ennya.
- 5 Era olikiteeka wansi w'omuziziko ogwetooloola ekyoto wansi, ekirukiddwa kituuke wakati mu bugulumivu obw'ekyoto.
- 6 Era olikola emisituliro eky'ekyoto, emisituliro gy'omuti gwa sita, oligibikkako ebikomo.
- 7 N'emisituliro gyakyo giriyingizibwa mu mpeta, n'emisituliro giribeera ku mbiriizi z'ekyoto zombi, okukisitula.
- 8 Olikikola n'embaawo nga kirina ebbanga munda: nga bwe walagirirwa ku lusozi, bwe batyo bwe balikikola.
- 9 Era olikola oluggya lw'eweema: eby'oluuyi olw'obukiika obwa ddyo mu bukiika obwa ddyo walibeera ebitimbibwa eby'oluggya ebya bafuta erangiddwa emikono kikumi obuwanvu oluuyi olumu:
- 10 n'empagi zaalwo ziribeera amakusni abiri, n'ebinnya byazo amakumi abiri, eby'ebikomo; ebikwaso by'empagi n'emiziziko gyazo bya ffeeza.
- 11 Era bwe bityo eby'oluuyi olw'obukiika obwa kkono walibeera ebitimbibwa emikono kikumi obuwanvu, n'empagi zaalwo amakumi abiri, n'ebinnya byazo amakumi abiri, eby'ebikomo; ebikwaso by'empagi n'emiziziko gyazo bya ffeeza.
- 12 Era eby'obugazi bw'oluggya ku luuyi olw'ebugwanjuba walibeera ebitimbibwa eby'emikono amakumi ataano: empagi zaabyo kkumi, n'ebinnya byazo kkumi.

- 13 N'obugazi bw'oluggya ku luuyi olw'ebuvanjuba mu buvanjuba bulibeera emikono amakumi ataano.
- 14 Ebitimbibwa eby'oluuyi olumu olw'omulyango biribeera emikono kkumi n'etaano: empagi zaabyo ssatu, n'ebinnya byazo bisatu.
- 15 Era eby'oluuyi olw'okubiri walibeera ebitimbibwa eby'emikono kkumi n'etaano: empagi zaabyo ssatu, n'ebinnya byazo bisatu.
- 16 Era olw'omulyango ogw'oluggya walibeera oluggi olw'emikono amakumi abiri, olwa kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta erangiddwa, omulimu gw'omudaliza: empagi zaazo nnya, n'ebinnya byazo bina.
- 17 Empagi zonna ez'oluggya ezeetooloode ziribeerako emiziziko egya ffeeza: ebikwaso byazo bya ffeeza, n'ebinnya byazo bya bikomo.
- 18 Obuwanvu obw'oluggya bulibeera emikono kikumi, n'obugazi amakumi ataano wonna wonna, n'obugulumivu emikono etaano, obwa bafuta ennungi erangiddwa, n'ebinnya byazo bya bikomo.
- 19 Ebintu byonna eby'omu weema mu mulimu gwayo gwonna, n'enninga zaayo zonna, n'enninga zonna ez'oluggya, biribeera bya bikomo.
- 20 Era oliragira abaana ba Isiraeri bakuleetere amafuta amalungi ag'omuzeeyituuni agakubibwa ag'ettabaaza, okwasa ettabaaza bulijo.
- 21 Mu weema ey'okusisinkanirangamu, ebweru w'eggigi eriri mu maaso g'obujulirwa, Aloonni n'abaana be banaagirongoosanga okuva olweggulo okutuusa enkya mu maaso ga Mukama: linaabanga tteeka ennaku zonna mu mireembe gyabwe gyonna ku lw'abaana ba Isiraeri.

Essuula 28

- 1 Era weesebereze gy'oli Aloonni muganda wo, n'abaana be wamu naye, mu baana ba Isiraeri, ampeereze mu bwakabona, Aloonni, Nadabu, ne Abiku, Eriyazaali ne Isamaali, abaana ba Aloonni.
- 2 Era olimukolera Aloonni muganda wo ebyambalo ebitukuvu olw'ekitiibwa n'olw'obulungi.
- 3 Era olibagamba bonna abalina omutima ogw'amagezi, be nnajjuza omwoyo ogw'amagezi, bakole ebyambalo ebya Aloonni okumutukuza, ampeereze mu bwa kabona.
- 4 Bino bye byambalo bye balikola; eky'omu kifuba, n'ekkanzu, n'omunagiyo, n'ekizibawo eky'akatimba, ekirembe, n'olukoba: era balibakolera ebyambalo ebitukuvu Aloonni muganda wo, n'abaana be, ampeereze mu bwakabona.
- 5 Era balitwala ezaabu eyo, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta.
- 6 Era balikola ekkanzu ne zaabu, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta erangiddwa, omulimu gw'omukozi ow'amagezi.
- 7 Eribeerako eby'oku bibegabega bibiri ebigattiddwa ku nkomerero zaayo ebbiri; egattibwe wamu.
- 8 N'olukoba olulangiddwa n'amagezi, oluli ku yo okugisiba, lulyenkanankana n'omulimu gwayo, lwa lugoye lumu; olwa zaabu, olwa kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta erangiddwa.
- 9 Era olitwala amayinja abiri aga onuku, n'oyolako amannya g'abaana ba Isiraeri:
- 10 amannya gaabwe mukaaga ku jjinja erimu, n'amannya gaabwe mukaaga abasigaddeyo ku jjinja ery'okubiri, nga bwe bazaalibwa.
- 11 Mu mulimu gw'omusazi w'amayinja, ng'okuyola okw'oku kabonero, bw'olyola amayinja abiri, ng'amannya g'abaana ba Isiraeri: oligeetoolooza amapeesa aga zaabu.
- 12 Era oliteeka amayinja abiri ku by'oku bibegabega eby'ekkanzu, okuba amayinja

- ag'okujjukiza eri abaana ba Isiraeri: era Alooni alisitula amannya gaabwe mu maaso ga Mukama ku bibegabega bye ebibiri ng'ekijjukizo.
- 13** Era olikola amapeesa aga zaabu:
- 14** n'emikuufu ebiri egya zaabu ennungi; ng'emigwa bw'oligikola, mu mulimu ogulangibwa: era olisiba emikuufu egirangiddwa ku mapeesa.
- 15** Era olikola eky'omu kifuba eky'omusango, omulimu ogw'omukozi ow'amagezi: ng'omulimu ogw'ekkanzu bw'olirikola; ekya zaabu, ekya kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta erangiddwa, bw'olirikola.
- 16** Kiryankanankana enjuyi zonna, ekifunyemu; kiribeera luta obuwanvu bwakyo, n'oluta obugazi bwakyo.
- 17** Era olikitonamu amayinja ag'okutona, ennyiriri nnya ez'amayinja: olunnyiriri olwa sadio, topazi, ne kabunkulo lwe lulibeera olunnyiriri olw'olubereberye;
- 18** n'olunnyiriri olw'okubiri lya nawandagala, safiro, ne alimasi;
- 19** n'olunnyiriri olw'okusatu yakinsu, ne sebu, ne amesusito;
- 20** n'olunnyiriri olw'okuna berulo, ne onuku, ne yasipero: galyetooloozebwa zaabu we gaatonebwa.
- 21** N'amayinja galibeera ng'amannya g'abaana ba Isiraeri; ekkumi n'abiri, ng'amannya gaabwe; ng'okuyola okw'oku kabonero, buli muntu ng'erinnya lye, galibibeerera ebika ekkumi n'ebibiri.
- 22** Era olikola ku ky'omu kifuba emikuufu ng'emigwa, egy'omulimu ogulangibwa ogwa zaabu ennungi.
- 23** Era olikola ku ky'omu kifuba empeta bbiri eza zaabu, n'oziteeka empeeta ebiri ku nsonda ebiri ez'eky'omu kifuba.
- 24** Era oliteeka emikuufu ebiri egirangibwa egya zaabu ku mpeta ebiri ku nsonda ez'eky'omu kifuba.
- 25** N'enkomerero ebiri endala ez'emikuufu egirangibwa ebiri oliziteeka ku mapeesa abiri, n'ogateeka ku by'oku bibegabega eby'ekkanzu, ku luuyi lwayo olw'omu maaso.
- 26** Era olikola empeta bbiri eza zaabu, n'oziteeka ku nsonda zombi ez'eky'omu kifuba; ku mabbali gaakyo agali ku luuyi olw'ekkanzu munda.
- 27** Era olikola empeta bbiri eza zaabu, n'oziteeka ku by'oku bibegabega ebibiri eby'ekkanzu wansinsi, ku luuyi lwayo olw'omu maaso, kumpi n'olukindo lwayo, waggulu w'olukoba olw'ekkanzu olulangibwa n'amagezi.
- 28** Era balisiba eky'omu kifuba n'empeta zaakyo n'empeta ez'ekkanzu n'akagoye aka kaniki, kibeere ku lukoba olw'ekkanzu olulangibwa n'amagezi, era eky'omu kifuba kireme okusumululwanga ku kkanzu.
- 29** Era Alooni anaasituliranga amannya g'abaana ba Isiraeri mu ky'omu kifuba eky'omusango ku mutima gwe, bw'anaayingiranga mu watukuvu, olw'okujjukiza mu maaso ga Mukama ennaku zonna.
- 30** Era oliteeka mu ky'omu kifuba eky'omusango Ulimu ne Suminu; era binaabanga ku mutima gwa Alooni, bw'anaayingiranga mu maaso ga Mukama: ne Alooni anaasituliranga omusango gw'abaana ba Isiraeri ku mutima gwe mu maaso ga Mukama ennaku zonna.
- 31** Era olikola omunagirow ogw'omu kkanzu gwonna gwa kaniki.
- 32** Era gulibeera n'ekituli wakati waagwo eky'omutwe: gulibeera n'olukugiro olw'omulimu ogulangibwa okwetooloola ekituli kyagwo, ng'ekituii eky'ekizibawo eky'ekyuma, guleme okuyuzibwa.
- 33** Era ku birenge byagwo olikolako amakomamawanga aga kaniki, n'ag'effulungu, n'ag'olumyufu, okwetooloola ebirenge byagwo; n'endege eza zaabu wakati waago okwetooloola:

- 34 endege eya zaabu n'ekkomamawanga, endege eya zaabu n'ekkomamawanga, ku birenge eby'omunagiwo okwetooloola.
- 35 Era gunaabanga ku Alooni okuweerezaamu: n'eddoboozi lyagwo linaawulirwanga bw'anaayingiranga mu watukuvu mu maaso ga Mukama, era bw'anaafulumanga, aleme okufa.
- 36 Era olikola akapande aka zaabu ennungi, n'oyolako, ng'enjola ez'akabonero, nti OMUTUKUVU ERI MUKAMA.
- 37 N'okateeka ku kagoye aka kaniki, era kanaabeeranga ku kirembe; ku luuyi olw'omu maaso olw'ekirembe kwe kanaabeeranga.
- 38 Era kanaabeeranga ku kyenye kya Alooni, ne Alooni anaasitulanga obubi bw'ebitukuvu, abaana ba Isiraeri bye banaatukuzanga mu birabo byabwe byonna ebitukuvu; era kanaabeeranga ku kyenye kye ennaku zonna, balyoke bakkirizibwe mu maaso ga Mukama.
- 39 Era oliruka ekizibawo eky'akatimba ekya bafuta ennungi, era olikola ekirembe ekya bafuta ennungi, era olikola olukoba, omulimu ogw'omudaliza.
- 40 Era abaana ba Alooni olibakolera ebizibawo, era olibakolera enkoba, n'obakolera n'enkufiira, olw'ekitiibwa n'olw'obulungi.
- 41 N'obiteeka ku Alooni muganda wo, ne ku baana be awamu naye; n'obafukako amafuta, n'ojjuza emikono gyabwe, n'obatukuza, balyoke bampeerezanga mu bwakabona.
- 42 Era olibakolera seruwale za lugoye okubikka ku mubiri ogw'obwereere bwabwe; ziriva mu kiwato okukoma mu bisambi:
- 43 era zinaabeeranga ku Alooni, ne ku baana be, bwe banaayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu, oba bwe banaasembereranga ekyoto okuweereza mu watukuvu; baleme okusitula obubi, n'okufa: kinaabeeranga kiragiwo emirembe gyonna eri ye n'eri ezzadde lye eririmuddirira.

Essuula 29

- 1 Era bw'olibakola bw'otyo okubatukuza, bampeereze mu bwakabona: otwale ente ennume ento n'endiga ennume bbiri ezitaliiko bulema
- 2 n'emigaati egitazimbulukuswa, n'obugaati obutazimbulukuswa obutabuddwamu amafuta, n'emigaati egy'empewere egitazimbulukuswa egisiigiddwako amafuta: oligikola n'obutta obulungi obw'eaano.
- 3 Era oligiteeka mu kabbo kamu, oligireetera mu kabbo, awamu n'ente n'endiga ebbiri.
- 4 Ne Alooni n'abaana be olibaleeta ku mulyango ogw'eweema ey'okusisinkanirangamu, olibanaaza n'amazzi.
- 5 Era oliddira ebyambalo n'oyambaza Alooni ekizibawo, n'omunagiwo ogw'ekkanzu, n'ekkanzu, n'eky'omu kifuba, n'omusiba olukoba olw'ekkanzu olulukibwa n'amagezi:
- 6 era olissa ekirembe ku mutwe gwe, n'oteeka engule entukuvu ku kirembe.
- 7 N'olyoka otwala amafuta ag'okufukibwako, n'ogafuka ku mutwe gwe, n'omufukira amafuta.
- 8 Era olireeta abaana be, n'obambaza ebizibawo.
- 9 Era olibasiba enkoba, Alooni n'abaana be, n'obassaako enkuufiira: era banaabeeranga n'obwakabona mu kiragiwo ekitaliggwaawo: era olijuza emikono gya Alooni n'abaana be.
- 10 Era olireeta ente mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu: ne Alooni n'abaana be ne bassa engalo zaabwe ku mutwe gw'ente.
- 11 Era olisala ente mu maaso ga Mukama, ku mulyango gw'eweema

ey'okusisinkanirangamu.

- 12 N'otwala ku musaayi gw'ente n'oguteeka ku mayembe g'ekyoto n'olunwe lwo; n'oyiwa omusaayi gwonna mu ntobo y'ekyoto.
- 13 Era olitwala amasavu gonna agabikka ebyenda, n'ekisenge ekiri ku kibumba, n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, n'obyokera ku kyoto.
- 14 Naye ennyama y'ente, n'eddiba lyayo, n'obusa bwayo, n'obyokera n'omuliro ebweru w'olusiisira: kye kiweebwayo olw'ebibi.
- 15 Era olitwala endiga emu; ne Alooni n'abaana be ne bassa engalo zaabwe ku mutwe gw'endiga.
- 16 Era olisala endiga, n'otwala omusaayi gwayo, n'ogumansira ku kyoto okukyetooolola.
- 17 Era olitemaatema endiga mu bitundu byayo, n'onaaza ebyenda byayo, n'amagulu gaayo, n'obiteeka wamu n'ebitundu byayo n'omutwe gwayo.
- 18 Era olyokera ku kyoto endiga ennamba: kye kiweebwayo ekyokebwa eri Mukama: lye vvumbe eddungi, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 19 Era olitwala endiga ey'okubiri; ne Alooni n'abaana be ne bassa engalo zaabwe ku mutwe gw'endiga.
- 20 N'olyoka osala endiga, n'otwala ku musaayi gwayo, n'oguteeka ku nsonda y'okutu okwa ddyo okwa Alooni, ne ku nsonda z'amatu aga ddyo ag'abaana be, ne ku binkumu eby'oku mikono gyabwe egya ddyo, ne ku bisajja eby'oku bigere byabwe ebya ddyo, n'omansira omusaayi ku kyoto okukyetooolola.
- 21 Era olitwala ku musaayi oguli ku kyoto, ne ku mafuta ag'okufukibwako, n'obimansira ku Alooni, ne ku byambalo bye, ne ku baana be, ne ku byambalo by'abaana be wamu naye : naye alitukuzibwa, n'ebymbalo bye, n'abaana be, n'ebymbalo by'abaana be wamu naye.
- 22 Era olitwala ku ndiga amasavu, n'omukira ogw'amasavu, n'amasavu agabikka ku byenda, n'ekisenge eky'oku kibumba, n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, n'ekisambi ekya ddyo; kubanga ye ndiga ey'okutukuza:
- 23 n'omugaati gumu, n'akagaati akasiigibwako amafuta kamu, n'omugaati ogw'oluwewere gumu, ng'oggya mu kabbo ak'emigaati egitazimbulukuswa akali mu maaso ga Mukama:
- 24 era olibissa byonna mu ngalo za Alooni, ne mu ngalo z'abaana be; n'obiwuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama.
- 25 Era olibiggya mu ngalo zaabwe, n'obyokera ku kyoto ku kiweebwayo ekyokebwa, okuba evvumbe eddungi mu maaso ga Mukama: kye kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 26 Era olitwala ekifuba ky'endiga ya Alooni ey'okutukuza, n'okiwuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama : era ekyo kinaabanga mugabo gwo.
- 27 Era olitukuza ekifuba eky'ekiweebwayo ekiwuubibwa, n'ekisambi eky'ekiweebwayo ekisitulibwa, ekiwuubibwa era ekisitulibwa, eky'endiga ey'okutukuza, ye eyo eya Alooni, n'eyo ey'abaana be:
- 28 era eneebeeranga ya Alooni n'abaana be ng'ekinaagwaniranga abaana ba Isiraeri emirembe gyonna: kubanga kye kiweebwayo ekisitulibwa: era eneebeeranga ekiweebwayo ekisitulibwa abaana ba Isiraeri gye bawa mu ssaddaaka zaabwe ez'ebiweebwayo olw'emirembe, kye kiweebwayo kyabwe ekisitulibwa eri Mukama.
- 29 N'ebymbalo ebitukuvu ebya Alooni binaabeeranga bya baana be abalimuddirira, okubifukirwangamu amafuta, n'okubitukulizibwangamu.
- 30 Omwana alimuddirira okuba kabona anaabyambaliranga ennaku musanvu, bw'anaayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu okuweereza mu kifo ekitukuvu.

- 31 Era olitwala endiga ey'okutukuza, n'ofumbira ennyama yaayo mu kifo ekitukuvu.
- 32 Ne Alooni n'abaana be balirya ennyama y'endiga n'emigaati egiri mu kabbo, mu mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 33 Era balirya ebiweereddwayo olw'okutangirira, okubatukuza n'okubalongoosa: naye munnaggwanga tabiryangako, kubanga bitukuvu.
- 34 Era bwe walisigalawo ku nnyama ey'okutukuza oba ku migaati okutuusa enkya, n'obyokya ebirisigalawo n'omuliro: tebiririibwa, kubanga bitukuvu.
- 35 Bw'olikola bw'otyo Alooni n'abaana be, nga byonna bye nkulagidde: olibatukuliza ennaku musanvu.
- 36 Era onoowangayo buli lunaku ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi olw'okutangirira: era onoolongoosanga ekyoto, bw'onookikoleranga eky'okutangirira; era onookifukangako amafuta, okukitukuza.
- 37 Onookikoleranga ekyoto eky'okutangirira ennaku musanvu, n'okitukuzanga: era ekyoto kiribeera kitukuvu nnyo; buli ekinaakomanga ku kyoto kinaabanga kitukuvu.
- 38 Kale by'onoowangayo ku kyoto bye bino; abaana b'endiga babiri abaakamala omwaka ogumu buli lunaku obutayosa.
- 39 Enkya onoowangayo omwana gw'endiga ogumu; n'akawungeezi onoowangayo omwana gw'endiga ogw'okubiri:
- 40 era awamu n'omwana gw'endiga omulala onoowangayo ekitundu eky'ekkumi ekya efa eky'obutta obulungi obutabuddwamu ekitundu eky'okuna ekya yini eky'amafuta amakube; n'ekitundu eky'okuna ekya yini eky'envinnyo okuba ekiweebwayo eky'okunywa.
- 41 N'omwana gw'endiga omulala onoomuwangayo akawungeezi, era onoogukolanga nga bwe wakola ekiweebwayo eky'obutta eky'enkya, n'ekiweebwayo eky'okunywa eky'enkya, okuba evvumbe eddungi, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 42 Kinaabeeranga ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo mu mirembe gyammwe gyonna mu mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu mu maaso ga Mukama: awo we nnaasisinkaniranga nammwe, okwogerera awo naawe.
- 43 Era awo we nnaasisinkaniranga n'abaana ba Isiraeri; n'eweema eritukuzibwa n'ekiti-ibwa kyange.
- 44 Era nditukuza eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ekyoto: ne Alooni n'abaana be ndibatukuza, okumpeererezanga mu bwakabona.
- 45 Era naatuulanga mu baana ba Isiraeri, era naabeeranga Katonda waabwe.
- 46 Nabo banaategeeranga nga nze Mukama Katonda waabwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri, ndyoke ntuule mu bo: nze Mukama Katonda waabwe.

Essuula 30

- 1 Era olikola ekyoto eky'okwoterezangako obubaane: olikikola n'omuti ogwa sita.
- 2 Obuwanvu bwakyo mukono, n'obugazi bwakyo mukono; kiryenkanankana enjuyi zonna: n'obugulumivu bwakyo mikono ebiri: amayembe gaakyo galiba ga muti gumu nakyo.
- 3 Era olikibikkako zaabu ennungi, waggulu waakyo, n'enjuyi zaakyo okwetooloola, n'amayembe gaakyo; era olikikolako engule eya zaabu okwetooloola.
- 4 Era olikikolako empeta bbiri eza zaabu wansi w'engule yaakyo, mu mbiriizi zaakyo zombi, ku njuyi zaakyo zombi kw'olizikolera; era ziribeera bifo bya misituliro okuk-isitilirangako.
- 5 Era olikola emisituliro n'omuti ogwa sita, n'ogibikkako zaabu.
- 6 Era olikiteeka mu maaso g'eggigi eriri okumpi n'essanduuko ey'obujulirwa, mu

- maaso g'entebe ey'okusaasira eri ku bujulirwa, kwe nnaasisinkaniranga naawe.
- 7 Ne Alooni anaayoterezanga okwo obubaane obw'ebiwunya akaloosa: buli nkya, bw'anaazirongoosanga ettabaaza, anaabwotezanga.
 - 8 Era Alooni bw'anaakoleezanga ettabaaza akawungeezi, anaabwotezanga okuba obubaane obutaliggwaawo mu maaso ga Mukama mu mirembe gyammwe gyonna.
 - 9 Temukyoterezangako obubaane obulala, newakubadde ekiweebwayo eky'okwokya, newakubadde ekiweebwayo eky'obutta: so temukifukirangako ekiweebwayo eky'okunywa.
 - 10 Era Alooni anaakolanga eky'okutangirira ku mayembe gaakyo omulundi gumu buli mwaka: n'omusaayi ogw'ekiweebwayo olw'ebibi eky'okutangirira bw'anaakol-eranga eky'okutangirira omulundi gumu buli mwaka mu mirembe gyammwe gyonna: kye kitukuvu ennyo eri Mukama.
 - 11 Mukama n'agamba Musa nti
 - 12 Bw'onoobalanga omuwendo gw'abaana ba Isiraeri, ababalibwa mu bo bwe benkana, ne balyoka bawanga buli muntu eky'okununula emmeeme ye eri Mukama, bw'onoobabalanga; kawumpuli aleme okubakwata, bw'onoobabalanga.
 - 13 Kino kye banaawanga, buli anaayitanga mu abo ababaliddwa anaawanga ekitundu kya sekeri, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri: (sekeri emu yenkana ne gera amakumi abiri :) ekitundu kya sekeri okuba ekiweebwayo eri Mukama.
 - 14 Buli anaayitanga mu abo ababaliddwa, bonna abaaakamala emyaka amakumi abiri oba kusingawo anaawanga ekiweebwayo ekya Mukama.
 - 15 Abagagga tebasukkirizangawo newakubadde abaavu tebakendeezanga ku kitundu kya sekeri, bwe banaawanga ekiweebwayo ekya Mukama olw'okutangirira emmeeme zammwe.
 - 16 Era onootwalanga ffeeza ey'okutangirira ku baana ba Isiraeri, n'ogikoza emirimu egy'omu weema ey'okusisinkanirangamu; ebeere ekijjukizo eri abaana ba Isiraeri mu maaso ga Mukama, okutangirira emmeeme zammwe.
 - 17 Mukama n'agamba Musa nti
 - 18 Era olikola ekinaabirwamu kya kikomo, n'entobo yaakyo ya kikomo, okunaabirangamu: n'okiteeka wakati w'eweema ey'okusisinkanirangamu n'ekyoto, n'okufukangamu amazzi.
 - 19 Ne Alooni n'abaana be banaanaabirangamu engalo zaabwe n'ebigere byabwe:
 - 20 bwe banaayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu, banaanaabanga n'amazzi, baleme okufa; newakubadde bwe banaasembereranga ekyoto okuweereza, okwokya ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama:
 - 21 banaanaabanga bwe baryo engalo zaabwe n'ebigere byabwe, baleme okufa: era kinaabeeranga kiragiyo ennaku zonna eri bo, eri ye n'eri ezzadde lye mu mirembe gyabwe gyonna.
 - 22 Nate Mukama n'agamba Musa nti
 - 23 Era weetwalire ku by'akaloosa ebimanyibwa, muulo ekulukuta sekeri bitaano, ne kinamomo sekeri bibiri mu ataano, kye kitundu ky'omuwendo gwa muulo, ne kalamo empoomerevu sekeri bibiri mu ataano,
 - 24 ne kasia sekeri bitaano, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri, n'amafuta ag'omuzeyitu-uni emu:
 - 25 era olibikoza amafuta amatukuvu ag'okufukibwangako, omugavu ogutabuddwa n'amagezi ag'omukozi w'omugavu: galiba mafuta amatukuvu ag'okufukibwangako.
 - 26 Era oligafuka ku weema ey'okusisinkanirangamu, ne ku ssanduuko ey'obujulirwa,
 - 27 ne ku mmeeza ne ku bintu byayo byonna, n'ekikondo ne ku bintu byakyo, ne ku kyoto eky'okwoterezangako,
 - 28 ne ku kyoto eky'okwokerangako ne ku bintu byakyo byonna, ne ku kinaabirwamu ne

ku ntobo yaakyo.

- 29 Era olibitukuza okubeera ebitukuvu ennyo: buli ekinaabikomangako kiriba kitukuvu.
- 30 Era Alooni n'abaana be olibafukako amafuta, n'obatukuza okumpeereza mu bwak-abona.
- 31 Era oligamba abaana ba Isiraeri nti Gano ganaabeeranga mafuta matukuvu ag'okufuk-ibwangako eri nze mu mirembe gyammwe gyonna.
- 32 Tegafukibwanga ku mubiri gwa muntu, so temukolanga agafaanana nago, nga bwe gatabulwa: ge matukuvu, galibeera matukuvu gye muli.
- 33 Buli alitabula agafaanana nago, na buli aligafukako ku munnaggwanga, alizikirizibwa okuva mu bantu be.
- 34 Mukama n'agamba Musa nti Weetwalire ebyakawoowo ebiwoomerevu, sitakite, ne onuka, ne galabano; ebyakaloosa ebiwoomerevu n'omugavu omulongoofu: byonna byenkane obuzito;
- 35 era olibikoza eky'okwoteza, akaloosa akakolebwa n'amagezi ag'omukozi w'akaloosa, akatabuddwamu omunyo, akalongoofu, akatukuvu:
- 36 era olikatwalako n'okasekulasekula nnyo, n'okateeka mu maaso g'obujulirwa mu weema ey'okusisinkanirangamu, we nnaasisinkaniranga naawe: kanaabeeranga katukuvu nnyo gye muli.
- 37 N'eky'okwoteza ky'olikola temukyekoleranga mmwe mwekka nga bwe kitabulwa: kinaabeeranga kitukuvu gy'oli eri Mukama.
- 38 Buli anaakolanga agafaanana nago, okuwunyako, alizikirizibwa okuva mu bantu be.

Essuula 31

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Laba, mpise erinnya Bezaaleeri omwana wa Uli, omwana wa Kuuli, ow'omu kika kya Yuda:
- 3 era mmujjuzizza omwoyo gwa Katonda, mu magezi, ne mu kutegeera, ne mu kumanya, ne mu buli ngeri ya kukola,
- 4 okulowooza emirimu egy'amagezi, okukola ne zaabu, ne ffeeza, n'ekikomo,
- 5 ne mu kusala amayinja ag'okussaamu, ne mu kwola emiti, okukola mu buli ngeri ya kukola.
- 6 Nange, laba, nteeseewo wamu naye Okoliyaabu, omwana wa Akisamaki, ow'omu kika kya Ddaani; ne mu mitima gyabwe bonna abalina emitima egy'amagezi ngitaddemu amagezi bakole byonna bye nkulagidde:
- 7 eweema ey'okusisinkanirangamu, ne ssanduuko ey'obujulirwa, n'entebe ey'okusaasira egiriko, n'ebintu byonna eby'omu weema;
- 8 n'emmeeza n'ebintu byayo, n'ekikondo ekirungi n'ebintu byakyo byonna, n'ekyoto eky'okwoterezangako;
- 9 n'ekyoto eky'okwokerangako n'ebintu byakyo byonna, n'ekinaabirwamu n'entobo yaakyo;
- 10 n'ebyambalo ebikolebwa obulungi, n'ebyambalo ebitukuvu ebya Alooni kabona, n'ebyambalo eby'abaana be, okuweerereza mu bwakabona;
- 11 n'amafuta ag'okufukibwangako, n'eky'okwoteza eky'eby'akaloosa ebiwoomerevu ekya watukuvu: nga byonna bye nkulagidde, bwe balikola bwe batyo.
- 12 Mukama n'agamba Musa nti
- 13 Era buulira abaana ba Isiraeri nti Mazima mukwatanga ssabbiiti zange: kubanga ke kabonero wakati wange nammwe mu mirembe gyammwe gyonna; mulyoke mumanye nga nze Mukama abatukuza.
- 14 Kyemunaavanga mukwata ssabbiiti; kubanga lwe lutukuvu gye muli: buli

anaalusobyanga talemanga kuttibwa: kubanga buli anaalukolerangako emirimu gyonna, omwoyo ogwo gunaazikirizibwanga mu bantu be.

- 15 Ennaku mukaaga emirimu gikolebwanga; naye ku lunaku olw'omusanvu wabangawo ssabbiiti olw'okuwummula okutukuvu, eri Mukama: buli anaakoleranga emirimu gyonna ku ssabbiiti, talemanga kuttibwa.
- 16 Abaana ba Isiraeri kyebanaavanga bakwata ssabbiiti, okwekuumanga ssabbiiti mu mirembe gyabwe gyonna, okuba endagaano etaliggwaawo.
- 17 Ke kabonero wakati wange n'abaana ba Isiraeri ennaku zonna: kubanga mu nnaku mukaaga Mukama yakola eggulu n'ensi, ne ku lunaku olw'omusanvu n'awummula, n'aweera.
- 18 Bwe yamala okwogera naye ku lusozi, Sinaayi, n'awa Musa ebipande bibiri eby'obujulirwa, ebipande eby'amayinja, ebyawandiikibwako n'engalo ya Katonda.

Essuula 32

- 1 Awo abantu bwe baalaba nga Musa aludde okukka okuva ku lusozi, ne bakuaana eri Alooni, ne bamugamba nti Golokoka, otukolere bakatonda, abanaatukulemberanga; kubanga Musa oyo, ye yatuggya mu nsi y'e Misiri, tetumanyi ky'abadde.
- 2 Alooni n'abagamba nti Mumenye ku mpeta eza zaabu, eziri mu matu g'abakazi bammwe, n'ag'abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala, muzindeetere.
- 3 Abantu bonna ne bamenya ku mpeta eza zaabu ezaali mu matu gaabwe, ne bazireetera Alooni.
- 4 N'agitoola mu ngalo zaabwe, n'agiwumba n'ekyuma ekisala, n'agifuula ennyana ensaanuuse: ne boogera nti Bano be bakatonda bo, ggwe Isiraeri, abaakuggya mu nsi y'e Misiri
- 5 Alooni bwe yalaba, n'azimba ekyoto mu maaso gaayo; Alooni n'alangirira n'ayogera nti Enkya wanaabeera embaga eri Mukama.
- 6 Ne bagolokoka enkya mu makya, ne bawaayo ebiweebwayo eby'okwokya, ne baleeta ebiweebwayo olw'emirembe; abantu ne batuula okulya n'okunywa, ne bagolokoka okuzannya.
- 7 Mukama n'agamba Musa nti Genda oserengete; kubanga abantu bo be waggya mu nsi y'e Misiri beeyonoonyesezza:
- 8 bakyanye mangu ne bava mu kkubo lye nnabalagira: bekoledde ennyana ensaanuuse, ne bagisinza, ne bagiwa ssaddaaka, ne boogera nti Bano be bakatonda bo, ggwe Isiraeri, abaaku ggya mu nsi y'e Misiri:
- 9 Mukama n'agamba Musa nti Abantu bano era, laba, be bantu abalina ensingo enkakanyavu:
- 10 kale kaakano ndeka, obusungu bwange bwake nnyo ku bo, era mbazikirize: era ndikufuula ggwe eggwanga eddene.
- 11 Musa ne yeegayirira Mukama Katonda we, n'ayogera nti Mukama, kiki ekyasizza ennyo obusungu bwo ku bantu bo, be waggya mu nsi y'e Misiri n'amaanyi amangi n'omukono ogw'obuyinza?
- 12 Lwaki okwogeza Abamisiri nti Yabaggiramu obubi, okubattira ku nsozi, n'okubazikiriza okuva ku maaso g'ensi? Oleke obusungu bwo obukambwe, ojjulukuke oleke obubi obwo eri abantu bo.
- 13 Ojjukire Ibulayimu, Isaaka, ne Isiraeri, abaweereza bo, be weerayiririra wekka n'obagamba nti Ndyongera ezzadde lyammwe ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, n'ensi eyo yonna gye njogeddeko ndigiwa ezzadde lyammwe, nabo baligisikira emirembe gyonna.
- 14 Mukama n'ajjulukuka n'aleka obubi bw'abadde ayogedde okubakola abantu be.

- 15 Musa n'akyuka, n'aserengeta okuva ku lusozi, ng'alina ebipande bibiri eby'obujulirwa mu ngalo ze; ebipande ebyawandiikibwako ku njuyi zaabyo zombi; byawandiikibwako eruuyi n'eruuyi.
- 16 N'ebipande byali mulimu gwa Katonda, n'okuwandiika kwali kuwandiika kwa Katonda, okwayolebwa ku bipande.
- 17 Yoswa bwe yawulira eddoboosi ly'abantu nga boogerera waggulu, n'agamba Musa nti Waliwo eddoboosi ery'okulwana mu lusiisira.
- 18 N'ayogera nti Eryo si ddoboosi lyabo aboogerera waggulu olw'okuwangula, so si ddoboosi lyabo abakaaba olw'okugobebwa: naye eddoboosi lyabo abayimba lye mpulira.
- 19 Awo olwatuuka bwe yasemberera olusiisira, n'alyoka alaba ennyana n'abazina: obusungu bwa Musa ne bwaka nnyo, n'akasuka ebipande mu ngalo ze, n'abimenyera wansi w'olusozi,
- 20 N'atwala ennyana gye baali bakoze, n'agyokya n'omuliro, n'agisekulasekula, n'agimansira ku mazzi, n'aganywesaako abaana ba Isiraeri.
- 21 Musa n'agamba Alooni nti Abantu bano baakukola ki, ggwe n'okuleeta n'obaleetako okwonoona okunene?
- 22 Alooni n'ayogera nti Obusungu bwa mukama wange buleme okubuubuuka ennyo: gw'omanyi abantu bano, nga bagobererera ddala obubi.
- 23 Kubanga baamba nti Tukolere bakatonda, abanaatukulemberanga: kubanga Musa oyo, ye yatuggya mu nsi y'e Misiri, tetumanyi ky'abadde.
- 24 Ne mbagamba nti Buli alina zaabu yonna yonna, bagimenyeko; awo ne bagimpa: ne ngiteeka mu muliro, n'ennyana eno n'evaamu.
- 25 Awo Musa bwe yalaba ng'abantu bajeemye; kubanga Alooni yabajeemya okusekererwa abalabe baabwe:
- 26 Musa n'alyoka ayimirira mu wankaaki w'olusiisira, n'ayogera nti Buli muntu ali ku lwa Mukama, ajje gye ndi. Abaana bonna aba Leevi ne bakuaana gy'ali.
- 27 N'abagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Muteeke buli muntu ekitala kye ku kisambi kye, muddiiane mu miryango gyonna mu lusiisira lwonna, mutte buli muntu muganda we, na buli muntu munne, na buli muntu muliraanwa we.
- 28 Abaana ba Leevi ne bakola ng'ekigambo kya Musa: ne bafa ku bantu ku lunaku luli abasajja nga nkumi ssatu.
- 29 Musa n'ayogera nti Mwetukuze leero eri Mukama, newakubadde okulwana buli muntu n'omwana we, era ne muganda we; alyoke abawe leero omukisa.
- 30 Awo olwatuuka enkya Musa n'agamba abantu nti Mwayoonye ekyonoono ekinene: ne kaakano naalinnya eri Mukama; mpozzi naakola ekinaatangirira olw'ekyonoono kyammwe.
- 31 Musa n'addayo eri Mukama, n'ayogera nti Woo, abantu abo bayoonye ekyonoono ekinene, ne beekolera bakatonda aba zaabu.
- 32 Naye kaakano, bw'onoosonyiwa ekyonoono kyabwe; naye bw'otoobasonyiwe, onsangule nze, nkwegayiridde, mu kitabo kyo kye wawandiika.
- 33 Mukama n'agamba Musa nti Buli eyannyoonye nze, oyo gwe nnaasangula mu kitabo kyange.
- 34 Ne kaakano genda, otwale abantu mu kifo kye nnakugambako: laba, malayika wange anaakukulemberanga: era naye ku lunaku luli lwe ndiwalana, ndibawalanako ekibi kyabwe.
- 35 Mukama n'abonyaabonya abantu, kubanga baakola ennyana, Alooni gye yakola.

Essuula 33

- 1 Mukama n'agamba Musa nti Mugende mulinnye okuva wano, ggwe n'abantu be waggya mu nsi y'e Misiri, muyingire mu nsi gye nnalayirira Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, nga njogera nti Ndigiwa ezzadde lyo:
- 2 era ndituma malayika mu maaso go; era ndigobamu Omukanani, Omwamoli, n'Omukiiti, n'Omuperizi, Omukiivi, n'Omuyebusi:
- 3 mu nsi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki: kubanga nze siririnnya wakati mu mumwe; kubanga oli ggwanga eririna ensingo enkakanyavu: nneme okukuzikiriza mu kkubo.
- 4 Abantu bwe baawulira ebigambo ebyo ebibi, ne banakuwala: ne wataba muntu ayam-bala eby'obuyonjo bye.
- 5 Mukama n'agamba Musa nti Gamba abaana ba Isiraeri nti Muli ggwanga eririna ensingo enkakanyavu: mbeera kulinnya wakati mu ggwe newakubadde akaseera akatono, nandikuzikirizza: kale kaakano yambula eby'obuyonjo byo, ndyoke ntegeere bwe nnaakukola.
- 6 Abaana ba Isiraeri ne beeyambula eby'obuyonjo byabwe okuva ku lusozi Kolebu n'okweyongerayo.
- 7 Musa yatwalanga eweema n'agisimba ebweru w'olusiisira, walako n'olusiisira; n'agiyita Eweema ey'okusisinkanirangamu. Era buli eyanoonyanga Mukama n'afulumanga n'agenda mu weema ey'okusisinkanirangamu, eyali ebweru w'olusiisira.
- 8 Era Musa bwe yafulumanga n'agendanga mu Weema, abantu bonna ne bagolokokanga ne bayimirira, buli muntu mu mulyango gw'eweema ye, n'atunuulira Musa, okutuusa bwe yamalanga okuyingira mu Weema.
- 9 Awo Musa bwe yayingiranga mu Weema, empagi ey'ekire n'ekka n'eyimirira ku mulyango gw'Eweema: Mukama n'ayogera ne Musa.
- 10 Abantu bonna ne balaba empagi ey'ekire ng'eyimiridde ku mulyango gw'Eweema: abantu bonna ne bayimuka ne basinza, buli muntu mu mulyango gw'eweema ye.
- 11 Mukama n'ayogeranga ne Musa nga balabagana mu maaso, ng'omuntu bw'ayogera ne mukwano gwe. N'addangayo mu lusiisira nate: naye omuweereza we, Yoswa, omwana wa Nuni, omuvubuka, teyavanga mu Weema.
- 12 Musa n'agamba Mukama nti Laba, ondagira nti Twala abantu bano: n'otoanya kumanya gw'onootuma awamu nange. Naye wayogera nti Nkumanyi erinnya, era walaba ekisa mu maaso gange.
- 13 Kale kaakano, nkwegayiridde, bwe mba nga nalaba ekisa mu maaso go, ondage amakubo go, nkumanye, ndyoke ndabe ekisa mu maaso go: era lowooza ng'eggwanga lino bantu bo.
- 14 N'ayogera nti Amaaso gange galigenda naawe, nange ndikuwa okuwummula.
- 15 N'amugamba nti Amaaso go bwe gataagendanga nange, totutwala okuva wano.
- 16 Kubanga kiritengeerebwa kitya nga nze nalaba ekisa mu maaso go, nze n'abantu bo? si kyekiriva kitegeerebwa kubanga oagenda naffe, n'okwawulwa ne twawulibwa, nze n'abantu bo, mu bantu bonna abali ku maaso g'ensi?
- 17 Mukama n'agamba Musa nti Era n'ekyo ky'oyogedde ndikikola: kubanga walaba ekisa mu maaso gange, nange nkumanyi erinnya.
- 18 N'ayogera nti Nkwegayiridde, ondage ekitiibwa kyo.
- 19 N'ayogera nti Naayisa obulungi bwange bwonna mu maaso go, era naatendera erinnya lya Mukama mu maaso go; era naamukwatirwanga ekisa gwe naakwatirwanga ekisa, era naamusaasiranga gwe naasaasiranga.
- 20 N'ayogera nti Toyinza kundaba maaso: kubanga omuntu talindabako n'aba omulamu.
- 21 Mukama n'ayogera nti Laba, waliwo ekifo ekiri okumpi nange, naawe onooyimirira

ku jinja:

- 22 awo olunaatuuka ekitiibwa kyange bwe kinaaba nga kiyita, naakuteeka mu lwatika lw'omu jinja, ne nkubikkako n'omukono gwange okutuusa bwe nnaaba nga mpiseewo:
- 23 ne nziyako omukono gwange, naawe n'olaba amabega gange: naye amaaso gange tegaalabike.

Essuula 34

- 1 Mukama n'agamba Musa nti Weebajjire ebipande bibiri eby'amayinja ebifaanana ng'eby'olubereberye: nange ndiwandiika ku bipande ebigambo ebyali ku bipande eby'olubereberye, bye wamenya.
- 2 Era enkya obe nga weeteeseteese, olinnye enkya ku lusozi Sinaayi, weeragire okwo gye ndi ku ntikko y'olusozi.
- 3 So tewaabe muntu alinnya naawe, so n'omuntu yenna aleme okulabikira ku lusozi lwonna lwonna; newakubadde endiga newakubadde ente bireme okuliira mu maaso g'olusozi olwo.
- 4 N'abajja ebipande bibiri ebifaanana ng'eby'olubereberye; Musa n'agolokoka enkya mu makya, n'alinnya ku lusozi Sinaayi, Mukama nga bwe yamulagidde, n'atwala mu ngalo ze ebipande bibiri eby'amayinja.
- 5 Mukama n'akkira mu kire, n'ayimirira eyo wamu naye, n'atendera erinnya lya Mukama.
- 6 Mukama n'ayita mu maaso ge, n'atendera nti Mukama, Mukama, Katonda ajjudde okusaasira era ow'ekisa, alwawo okusunguwala, era alina okusaasira okungi n'amazima amangi;
- 7 ajjukira okusaasira eri abantu enkumi n'enkumi, asonyiwa obutali butuukirivu n'okwonoona n'ekibi: era atalimuggyako omusango n'akatonu oyo aligubaako; awalana obutali butuukirivu bwa bakitaabwe ku baana baabwe, ne ku baana b'abaana baabwe, ku mireembe egya bannakasatwe n'egy a bannakana.
- 8 Musa n'ayanguwa, n'avuunamy a omutwe, n'asinza.
- 9 N'ayogera nti Bwe mba kaakano nga naalaba ekisa mu maaso go, ai Mukama, Mukama; atambulenga wakati mu ffe, nkwegayiridde; kubanga lye ggwanga eririna ensingo enkakanyavu; era otusonyiwe obutali butuukirivu bwaffe n'okwonoona kwaffe, era otutwale okuba obusika bwo.
- 10 N'ayogera nti Laba, ndagaana endagaano: mu maaso g'abantu bo bonna naakolanga eby'amagero, ebitakolebwanga mu nsi zonna, newakubadde mu ggwanga lyonna lyonna: n'abantu bonna b'olimu banaalabanga omulimu gwa Mukama, kubanga kye ndikukoza kya ntiisa.
- 11 Lowooza kino kye nkulagira leero: laba, ngoba mu maaso go Omwamoli, n'Omukanani, n'Omukiiti, n'Omuperizi, n'Omukiivi, n'Omuyebusi.
- 12 Weekuume wekka, tolagaananga ndagaano n'abo abali mu nsi gy'ogenda, ereme okuba ng'ekyambika wakati mu ggwe:
- 13 naye mulimenyaamenya ebyoto byabwe, era mulyasayasa empagi zaabwe, era mulitemaatema Baasera baabwe:
- 14 kubanga toosinzenga Katonda mulala yenna: kubanga Mukama, erinnya lye Waabugya, ye Katonda ow'obugya:
- 15 tolagaananga ndagaano n'abo abali mu nsi, baleme okwenda nga bagoberera bakatonda baabwe, ne babawa ssaddaaka bakatonda baabwe, ne wabaawo akuyita n'olya ku ssaddaaka ye;
- 16 n'otwalira abaana bo abasajja ku bawala baabwe, abawala baabwe ne bayenda nga

bagoberera bakatonda baabwe, ne babayenza abaana bo nga bagoberera bakatonda baabwe,

- 17 Teweekoleranga bakatonda abasaanuuse.
- 18 Oneekuumanga embaga ey'emigaati egitazimbulukuswa. Ennaku musanvu onoolyanga emigaati egitazimbulukuswa, nga bwe nnakulagira, mu kiseera ekyalagirwa mu mwezi Abibu: kubanga mu mwezi Abibu mwe waviira mu Misiri.
- 19 Buli ekinaggulanga enda kyange; n'ensolo zo zonna ennume, eby'olubereberye eby'ente n'eb'y'endiga.
- 20 N'omwana omubereberye ogw'endogoyi onoomununulanga n'omwana gw'endiga: era bw'onoobanga toyagala kumununula, onoomenyanga obulago bwayo. Onoonunulanga ababereberye bonna mu baana bo. So tewaabenga eyeeraga eri nze nga taleese kintu.
- 21 Ennaku omukaaga onookolerangamu emirimu, naye ku lunaku olw'omusanvu onooowummulanga: mu nnaku ze balimirangamu ne mu nnaku ze bakungulirangamu onooowummulanga.
- 22 Era oneekuumanga embaga eya ssabbiiti, ye y'omwaka omubereberye ogw'eaano, n'embaga ey'okutereka omwaka nga guweddeko.
- 23 Emirundi esatu buli mwaka abasajja bo bonna baneeraganga mu maaso ga Mukama Katonda, Katonda wa Isiraeri.
- 24 Kubanga ndigobamu amawanga mu maaso go, ne ngaziya ensalo zo: so tewaabenga muntu alyegomba ensi yo, bw'onoogendanga okulabika mu maaso ga Mukama Katonda wo emirundi esatu buli mwaka.
- 25 Towangayo musaayi gwa ssaddaaka yange wamu n'omugaati oguzimbulukuswa; newakubadde ssaddaaka ey'embaga ey'Okuyitako tesigalangako okutuusa enkya.
- 26 Eby'olubereberye eby'ensi yo ebisooka onoobireetanga mu nnyumba ya Mukama Katonda wo. Tofumbiranga omwana gw'embuzi mu mata ga nnyina waagwo.
- 27 Mukama n'agamba Musa nti Ggwe wandiika ebighambo ebyo: kuba ebighambo ebyo nga bwe biri bwe ndagaanye bwe ntyo endagaano naawe ne Isiraeri.
- 28 N'amala eyo wamu ne Mukama ennaku amakumi ana emisana n'ekiro; nga talya mmere so nga tanywa mazzi. N'awandiika ku bipande ebighambo eby'endagaano, amateeka ekkumi.
- 29 Awo olwatuuka Musa bwe yakka okuva ku lusozi Sinaayi, ebipande bibiri eby'obujilirwa nga biri mu ngalo za Musa, bwe yakka okuva ku lusozi, Musa n'atamanya ng'omubiri ogw'amaaso ge gumasamasa olw'okwogera naye.
- 30 Alooni n'abaana bonna aba Isiraeri bwe baalaba Musa, laba, omubiri ogw'amaaso ge ne gumasamasa; ne batya okumusemberera.
- 31 Musa n'abayita; Alooni n'abakulu bonna ab'ekibiina ne badda gy'ali: Musa n'ayogera nabo.
- 32 Oluvannyuma abaana bonna aba Isiraeri ne basembera: n'abalagira byonna Mukama by'ayogeredde naye ku lusozi Sinaayi.
- 33 Musa bwe yamala okwogera nabo, n'ateeka eky'okubikka ku maaso ge.
- 34 Naye Musa bwe yayingiranga mu maaso ga Mukama okwogera naye, n'aggyako eky'okubikka, okutuusa lwe yafulumanga; n'afulumanga n'ayogera n'abaana ba Isiraeri bwe yalagirwanga;
- 35 abaana ba Isiraeri ne balaba amaaso ga Musa, omubiri ogw'amaaso ge nga gumasamasa : Musa n'azzanga eky'okubikka ku maaso ge, okutuusa lwe yayingiranga okwogera naye.

Essuula 35

- 1 Musa n'akuaanya ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, n'abagamba nti Bino bye

bigambo Mukama by'alagidde, mmwe okubikola.

- 2 Ennaku omukaaga emirimu gikolerwengamu, naye ku lunaku olw'omusanvu wabenga olunaku olutukuvu gye muli, ssabbiiti ey'okuwummula okutukuvu eri Mukama: buli anaakolerangako omulimu gwonna anattibwanga.
- 3 Temukumanga muliro gwonna mu nnyumba zammwe zonna ku lunaku olwa ssabbiiti.
- 4 Musa n'abuulira ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri nti Kino kye kigambo Mukama ky'alagidde, ng'ayogera nti
- 5 Muggye ku bannammwe ekiweebwayo eri Mukama: buli alina omutima ogukkiriza, akireete, kye kiweebwayo ekya Mukama; zaabu, ne ffeeza, n'ekikomo;
- 6 ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta, n'ebyoya by'embuzi;
- 7 n'amaliba g'endiga amannyike amamyufu, n'amaliba g'eonge, n'omuti gwa sita;
- 8 n'amafuta g'ettabaaza, n'eby'akaloosa eby'amafuta ag'okufukako, n'eby'akaloosa eby'okunyookeza;
- 9 n'amayinja aga onuku, n'amayinja ag'okutona, okubeera ku kkanzu ne ku kyomukifuba.
- 10 Era buli muntu mu mmwe alina omutima ogw'amagezi ajje akole byonna Mukama by'alagidde;
- 11 ennyumba, eweema yaayo n'eky'okugibikkako, ebikwaso byayo, n'embaawo zaayo, n'emiti gyayo, n'empagi zaayo, n'ebinnya byayo;
- 12 essanduuko, n'emisituliro gyayo, entebe ey'okusaasira, n'eggigi eryawulamu;
- 13 emmeeza n'emisituliro gyayo, n'ebintu byayo byonna, n'emigaati egy'okulaga;
- 14 era n'ekikondo eky'ettabaaza, n'ebintu byakyo, n'ettabaaza zaakyo, n'amafuta ag'ettabaaza;
- 15 n'ekyoto eky'okwoterezangako, n'emisituliro gyakyo, n'amafuta ag'okufukako, n'obubaane obuwoomerevu, n'akatimba ak'oluggi olw'omu mulyango ogw'eweema;
- 16 ekyoto eky'okwokerangako ekiweebwayo, era n'ekitindiro kyakyo eky'ekikomo, emisituliro gyakyo, n'ebintu byakyo byonna, ekinaabirwamu n'entobo yaakyo;
- 17 ebitimbibwa eby'oluggya, empagi zaalwo, n'ebinnya byazo, n'akatimba ak'oluggi olw'oluggya;
- 18 enninga ez'eweema, n'eninga ez'oluggya, n'emigwa gyabyo;
- 19 n'ebyambalo ebikolebwa obulungi, eby'okuweerezangamu mu watukuvu, ebyambalo ebitukuvu ebya Alooni kabona, n'ebyambalo eby'abaana be, eby'okuweerezangamu mu bwakabona.
- 20 Ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri ne bagenda ne bava mu maaso ga Musa.
- 21 Ne bajja buli muntu omutima gwe gwe gwakubiriza, era na buli muntu omwoyo gwe gwe gwakkirizisa, ne baleeta ekiweebwayo ekya Mukama, olw'omulimu ogw'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'olw'okuweereza kwayo kwonna, n'olw'ebyambalo ebitukuvu.
- 22 Ne bajja, abasajja era n'abakazi, bonna abaalina emitima egikkiriza, ne baleeta amapeesa, n'empeta ez'omu matu, n'eziriko obubonero, n'amagemu, amakula gonna aga zaabu; buli muntu eyawa ekiweebwayo ekya zaabu eri Mukama.
- 23 Na buli muntu eyalabika ng'alina kaniki n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi, n'ebyoya by'embuzi, n'amaliba g'endiga amannyike amamyufu, n'amaliba g'eonge, n'abireeta.
- 24 Buli muntu eyawaayo ekiweebwayo ekya ffeeza n'ekikomo yaleeta ekiweebwayo ekya Mukama: na buli muntu eyalabika ng'alina omuti gwa sita olw'omulimu gwonna gwonna ogw'okuweereza, n'aguleeta.
- 25 N'abakazi bonna abaalina emitima egy'amagezi ne balanga n'engalo zaabwe, ne baleeta bye baalanga, kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi.

- 26 N'abakazi bonna emitima gyabwe be gyakubiriza mu magezi ne balanga ebyoya by'embuzi.
- 27 N'abakulu ne baleeta amayinja aga onuku, n'ag'okutona, okubeera ku kkanzu ne ku ky'omu kifuba;
- 28 n'eb'y'akaloosa, n'amafuta; olw'ettabaaza, n'olw'amafuta ag'okufukako, n'olw'obubaane obuwoomerevu.
- 29 Abaana ba Isiraeri baaleeta ekiweebwayo eky'emyoyo egy'eddembe eri Mukama; buli musajja n'omukazi, emitima gyabwe be gyakkirizisa okuleetera omulimu gwonna Mukama gwe yalagira okukola mu mukono gwa Musa.
- 30 Musa n'agamba abaana ba Isiraeri nti Laba, Mukama ayise erinnya Bezaaleeri omwana wa Uli, omwana wa Kuuli, ow'ekika kya Yuda;
- 31 era amujjuzizza omwoyo gwa Katonda, mu magezi, mu kutegeera, ne mu kumanya, ne mu buli ngeri y'okukola:
- 32 n'okuyiia emirimu egy'amagezi, n'okukola omulimu gwa zaabu, n'ogwa ffeeza, n'ogw'ekikomo,
- 33 n'ogw'okusala amayinja ag'okutona, n'ogw'okwola emiti, okukola buli ngeri y'emirimu egy'amagezi.
- 34 Era ateese mu mutima gwe okuyigiriza, ye era ne Okoliyaabu, omwana wa Akisamaki, ow'ekika kya Ddaani.
- 35 Abo abajjuzizza emitima gyabwe amagezi, okukola buli ngeri y'emirimu, egy'omusazi w'amayinja, n'egy'omukozi ow'amagezi, n'egy'omudaliza, egya kaniki, n'egy'olugoye olw'effulungu n'egy'olumyufu, n'egyabafuta ennungi, n'egy'omulusi egya bonna abakola emirimu gyonna gyonna, n'abo abayiiya emirimu egy'amagezi.

Essuula 36

- 1 Ne Bezaaleeri ne Okoliyaabu banaakolanga emirimu, na buli muntu alina omutima ogw'amagezi, Mukama gw'ateeseemu amagezi n'okutegeera amanye okukola omulimu gwonna ogw'okuweereza okw'omu watukuvu, nga byonna Mukama bye yalagira.
- 2 Musa n'ayita Bezaaleeri ne Okoliyaabu, na buli muntu eyalina , omutima ogw'amagezi, Mukama gwe yateekamu amagezi mu mutima gwe, buli muntu omutima gwe gwe gwakubiriza okujja ku mulimu okugukola:
- 3 Musa n'abawa ekiweebwayo kyonna abaana ba Isiraeri kye baaleeta olw'emirimu egy'okuweereza okw'omu watukuvu, okugikola. Era ne bamuleeteranga ebiweebwayo n'emyoyo egy'eddembe buli nkya.
- 4 N'ab'amagezi bonna, abaakola emirimu gyonna egy'omu watukuvu, ne bava buli muntu ku mulimu gwe, gwe baali bakola;
- 5 ne bagamba Musa nti Abantu baleeta bingi ebisukkiridde ennyo okumala okukola emirimu, Mukama gye yalagira okukola.
- 6 Musa n'alagira, ne balangirira mu lusiisira lwonna, nti Omusaja era n'omukazi alekere awo okukola nate omulimu gwonna ogw'ekiweebwayo eky'awatukuvu. Abantu ne baziyizibwa okuleeta.
- 7 Kubanga ebintu bye baali nabyo byamala emirimu gyonna okugikola, era byasukkirirawo.
- 8 Na buli muntu eyalina omutima ogw'amagezi eyakola omulimu ogwo n'akola eweema n'emitanda kkumi; egya bafuta ennungi erangiddwa, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bakerubi omulimu ogw'omukozi ow'amagezi bwe yagukola.
- 9 Obuwanvu bwa buli mutanda bwali emikono amakumi abiri mu munaana, n'obugazi bwa buli mutanda emikono ena: emitanda gyonna gyali gya kigero kimu.

- 10 N'agatta emitanda etaano gyokka na gyokka: era n'emitanda etaano emirala n'agigatta gyokka na gyokka.
- 11 N'akola eango eza kaniki ku lukugiro lw'omutanda ogumu okuva mu nsonda ey'emigatte: era bw'atyo n'akola ku lukugiro lw'omutanda ogw'oku mabbali g'emigatte egy'okubiri.
- 12 Yakola eango amakumi ataano ku mutanda gumu, n'eango amakumi ataano ku lukugiro lw'omutanda ogw'omu migatte egy'okubiri: eango zaalabagana zokka na zokka.
- 13 Era n'akola ebikwaso ebya zaabu amakumi ataano, n'agatta emitanda gyokka m gyokka n'ebikwaso: eweema n'ebeera emu.
- 14 Era n'akola emitanda egy'ebyoya by'embuzi okubeera eweema ku weema: yakola emitanda kkumi na gumu.
- 15 Obuwanvu bwa buli mutanda bwali emikono amakumi asatu, n'obugazi bwa buli mutanda emikono ena: emitanda kkumi na gumu gyali gya kigero kimu.
- 16 N'agatta emitanda etaano gyokka, n'emitanda omukaaga gyokka.
- 17 N'akola eango amakumi ataano ku lukugiro lw'omutanda ogw'oku mabbali g'emigatte, n'eango amakumi ataano n'azikola ku lukugiro lw'omutanda ogw'oku mabbali g'emigatte egy'okubiri.
- 18 Era n'akola ebikwaso amakumi ataano eby'ebikomo okugatta eweema, ebeere emu.
- 19 Era n'agikolera eweema eky'okugibikkako eky'amaliba g'endiga amannyike amamyufu, ne kungulu eky'okugibikkako eky'amaliba g'eonge.
- 20 Era n'akola embaawo ez'eweema ez'omuti gwa sita, okuyimirira.
- 21 Emikono kkumi bwe bwali obuwanvu bw'olubaawo, n'omukono n'ekitundu obugazi bwa buli lubaawo.
- 22 Ku buli lubaawo kwaliko ennimi bbiri, ezaagattibwa zokka na zokka: bw'atyo bwe yakola ku mbaawo zonna ez'eweema.
- 23 N'akola embaawo ez'eweema; embaawo amakumi abiri ez'oluuyi lw'obukiika obwa ddyo mu bukiika obwa ddyo:
- 24 era n'akola ebinnya ebya ffeeza amakumi ana wansi w'embaawo amakumi abiri; ebinnya bibiri wansi w'olubaawo lumu eby'ennimi zaalwo ebbiri, n'ebinnya bibiri wansi w'olubaawo olulala eby'ennimi zaalwo ebbiri.
- 25 Era ez'oluuyi olw'okubiri olw'eweema, ku luuyi olw'obukiika obwa kkono, n'akola embaawo amakumi abiri,
- 26 n'ebinnya byazo ebya ffeeza amakumi ana; ebinnya bibiri wansi w'olubaawo lumu, n'ebinnya bibiri wansi w'olubaawo olulala.
- 27 Era ez'oluuyi olw'eweema olw'emabega mu bugwanjuba n'akola embaawomukaaga.
- 28 Era n'akola embaawo bbiri ez'ensonda ez'eweema ku luuyi olw'emabega.
- 29 Zaali bbiri bbiri wansi, era bwe zityo bwe zaali ennamba waggulu waazo okutuuka ku mpeta emu: bw'atyo bwe yazikola zombi mu nsonda zombi.
- 30 Zaali embaawo munaana, n'ebinnya byazo ebya ffeeza, ebinnya kkumi na mukaaga; ebinnya ebibiri wansi wa buli lubaawo.
- 31 Era n'akola emiti egy'omuti gwa sita; etaano egy'embaawo ez'oluuyi lumu olw'eweema,
- 32 n'emiti etaano egy'embaawo ez'oluuyi olulala olw'eweema, n'emiti etaano egy'embaawo ez'eweema ez'oluuyi olw'emabega olw'ebugwanjuba.
- 33 N'omuti ogwa wakati n'aguyisa wakati mu mbaawo eruuyi n'eruyi.
- 34 N'embaawo n'azibikkako zaabu, n'akola empeta zaazo eza zaabu omw'okuteekera emiti, n'emiti n'agibikkako zaabu.
- 35 N'akola eggigi erya kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi erangiddwa; ne bakerubi omulimu ogw'omukozi ow'amagezi bwe yalikola.
- 36 N'alikolera empagi nnya ez'omuti gwa sita, n'azibikkako zaabu: n'ebikwaso byazo

byali bya zaabu; n'azifumbira ebinnya bina ebya ffeeza.

- 37** N'alukolera akatimba oluggi olw'eweema, aka kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi erangiddwa, omulimu ogw'omudaliza;
- 38** n'empagi zaako ttaano n'ebikwaso byazo: n'emitwe gyazo n'emiziziko gyazo n'abibikkako zaabu: n'ebinnya byazo bitaano byali bya bikomo.

Essuula 37

- 1** Bezaaleeri n'akola essanduuko ey'omuti gwa sita: obuwanvu bwayo bwali emikono ebiri n'ekitundu, n'obugazi bwayo omukono gumu n'ekitundu, n'obugulumivu bwayo omukono gumu n'ekitundu:
- 2** n'agibikkako zaabu ennungi munda ne kungulu, n'agikolera engule eya zaabu okwetooloola.
- 3** N'agifumbira empeta nnya eza zaabu, mu magulu gaayo ana; empeta bbiri ku lubiriizi lwayo olumu, n'empeta bbiri ku lubiriizi lwayo olw'okubiri.
- 4** N'akola emisituliro egy'omuti gwa sita, n'agibikkako zaabu.
- 5** N'ayingiza emisituliro mu mpeta ku mbiriizi ez'essanduuko, okusitula essanduuko.
- 6** N'akola entebe ey'okusaasira eya zaabu ennungi: obuwanvu bwayo emikono ebiri n'ekitundu, n'obugazi bwayo omukono gumu n'ekitundu.
- 7** N'akola bakerubi babiri aba zaabu; yabakola n'eyaweesebwa, ku nsonda bbiri ez'entebe ey'okusaasira;
- 8** kerubi omu ku nsonda eyo, ne kerubi omu ku nsonda eyo: yakola bakerubi mu kitundu eky'entebe ey'okusaasira ku nsonda zaayo ebbiri.
- 9** Ne bakerubi baagolola ebiwaawaatiro byabwe waggulu, nga bayanjaaza ku ntebe ey'okusaasira ebiwaawaatiro byabwe, nga balabagana amaaso gaabwe; amaaso ga bakerubi baatunuulira entebe ey'okusaasira.
- 10** N'akola emmeeza ey'omuti gwa sita: obuwanvu bwayo emikono ebiri, n'obugazi bwayo omukono gumu, n'obugulumivu bwayo omukono gumu n'ekitundu:
- 11** n'agibikkako zaabu ennungi, n'agikolako engule eya zaabu okwetooloola.
- 12** N'agikolako olukugiro olw'oluta okwetooloola, n'alukolera olukugiro lwayo engule eya zaabu okwetooloola.
- 13** N'agifumbira empeta nnya eza zaabu, n'ateeka empeta ku nsonda ennya eziri ku magulu gaayo ana.
- 14** Kumpi n'olukugiro we zaali empeta, ebifo eby'emisituliro gisitulenga emmeeza.
- 15** N'akola emisituliro egy'omuti gwa sita, n'agibikkako zaabu, okusitulanga emmeeza.
- 16** N'akola ebintu ebyabeeranga ku mmeeza, essowaani zaayo, n'ebijiiko byayo, n'ebibya byayo, n'ensuwa zaayo, okufuka nabyo, ne zaabu ennungi.
- 17** N'akola ekikondo ekya zaabu ennungi: yakola ekikondo n'eyaweesebwa, entobo yaakyo, n'omukonda gwakyo; ebikompe byakyo, n'emitwe gyakyo, n'ebimuli byakyo byali bya zaabu emu nakyo:
- 18** era amatabi mukaaga gaava ku mbiriizi zaakyo; amatabi asatu ag'ekikondo gaava ku lubiriizi lwakyo olumu, n'amatabi asatu eg'ekikondo gaava ku lubiriizi lwakyo olw'okubiri:
- 19** ebikompe bisatu ebifaanana ng'ebimuli bya kaluwa mu ttabi limu, omutwe n'ekimuli; n'ebikompe bisatu ebifaanana ng'ebimuli bya kaluwa mu ttabi ery'okubiri, omutwe n'ekimuli: bwe kityo mu matabi mukaaga agaava ku kikondo.
- 20** Ne mu kikondo mwalimu ebikompe bina ebifaanana ng'ebimuli bya kaluwa, emitwe gyabyo n'ebimuli byabyo:
- 21** n'omutwe gwali wansi w'amatabi abiri aga zaabu emu nagwo, n'omutwe wansi w'amatabi abiri aga zaabu emu nagwo, n'omutwe wansi w'amatabi abiri aga zaabu

emu nagwo, mu matabi omukaaga agaakivaako.

- 22 Emitwe gyabyo n'amatabi gaabyo byali bya zaabu emu nakyo: kyonna kyali mulimu muweese ogumu ogwa zaabu ennungi.
- 23 N'akola eby'etabaaza byakyo, omusanvu, ne makansi waakyo, n'essowaani zaakyo ez'ebisiriiza, ne zaabu ennungi.
- 24 Yakikola ne ttalanta eya zaabu ennungi, n'ebintu byakyo byonna.
- 25 N'akola ekyoto eky'okwoterezangako obubaane eky'omuti gwa sita : obuwanvu bwakyo bwali mukono, n'obugazi bwakyo mukono, okwenkanankana enjuyi zonna; n'obugulumivu bwakyo bwali emikono ebiri; amayembe gaakyo gaali ga muti gumu nakyo.
- 26 N'akibikkako zaabu ennungi, waggulu waakyo, n'enjuyi zaakyo okwetooloola, n'amayembe gaakyo: n'akikolako engule eya zaabu okwetooloola.
- 27 N'akikolako empeta bbiri eza zaabu wansi w'engule yaakyo, mu mbiriizi zaakyo zombi, ku njuyi zaakyo zombi, okuba ebifo eby'emisituliro okukisitilirangako.
- 28 N'akola emisituliro n'omuti gwa sita, n'agibikkako zaabu.
- 29 N'akola amafuta amatukuvu ag'okufukangako, n'obubaane obulongoofu obw'ebyakaloosa ebiwoomerevu, ng'amagezi ag'omukozi w'omugavu bwe gali.

Essuula 38

- 1 N'akola ekyoto eky'okwokerangako ebiweebwayo eky'omuti gwa sita: obuwanvu bwakyo bwali emikono etaano, n'obugazi bwakyo emikono etaano, okwenkanankana enjuyi zonna; n'obugulumivu bwakyo emikono esatu.
- 2 N'akola amayembe gaakyo ku nsonda zaakyo ennya; amayembe gaakyo gaali ga mulimu gumu nakyo: n'akibikkako ekikomo.
- 3 N'akola ebintu byonna eby'ekyoto, entamu, n'ebijiiko, n'ebibya, n'ebiy'okukwasa ennyama, n'emumbiro: ebintu byakyo byonna yabikola n'ebikomo.
- 4 N'akikolera ekyoto ekitindiro eky'ekikomo ekirukibwa, wansi w'omuziziko ogukyetoooloola wansi, n'akituusa wakati mu bugulumivu obw'ekyoto.
- 5 N'afumbira empeta nnya ensonda ennya ez'ekitindiro eky'ekikomo, okuba ebifo eby'e misituliro.
- 6 N'akola emisituliro eky'omuti gwa sita, n'agibikkako ebikomo.
- 7 N'ayingiza emisituliro mu mpeta ez'oku mbiriizi ez'ekyoto, okukisitilirangako; yakikola n'embaawo nga kirina ebbanga munda.
- 8 N'akola eky'okunaabirangamu eky'ekikomo, n'entobo yaakyo ya kikomo, n'endabirwamu ez'abakazi abaweereza abaaweerezanga ku mulyango ogw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 9 N'akola oluggya: ebyatimbibwa eby'oluggya eby'oluuyi olw'obukiika obwa ddyo obukiika obwa ddyo byali bya bafuta ennungi erangiddwa, emikono kikumi:
- 10 empagi zaabyo zaali amakumi abiri, n'ebinnya byazo amakumi abiri, eby'ebikomo; ebikwaso eby'empagi n'emiziziko gyazo byali bya ffeeza.
- 11 N'ebiy'oluuyi olw'obukiika obwa kkono emikono kikumi, empagi zaabyo amakumi abiri, n'ebinnya byazo amakumi abiri, eby'ebikomo; ebikwaso eby'empagi n'emiziziko gyazo bya ffeeza.
- 12 N'ebiyatimbibwa eby'oluuyi olw'ebugwanjuba bya mikono ataano, empagi zaabyo kkumi, n'ebinnya byazo kkumi; ebikwaso eby'empagi n'emiziziko gyazo bya ffeeza.
- 13 N'ebiy'oluuyi olw'ebuvanjuba ku buvanjuba emikono ataano.
- 14 Ebyatimbibwa eby'oku luuyi olumu oluliko omulyango byali bya mikono kkumi n'etaano; empagi zaabyo ssatu, n'ebinnya byazo bisatu;
- 15 n'oluuyi olulala bwe luty; eruuyi n'eruuyi ku mulyango ogw'oluggya waaliwo

ebyatimbibwa eby'emikono kkumi n'etaano; empagi zaabyo ssatu, n'ebinnya byazo bisatu.

- 16 Ebyatimbibwa byonna eby'oluggya eby'enjuyi zonna byali bya bafuta ennungi erangiddwa.
- 17 N'ebinnya eby'empagi byali bya bikomo; ebikwaso eby'empagi n'emiziziko gyazo bya ffeeza; n'emitwe gyazo gyabikkibwako ffeeza; n'empagi zonna ez'oluggya zaa-teekebwo emiziziko gya ffeeza.
- 18 N'akatimba ak'oluggi olw'oluggya kaali mulimu gwa mudaliza, ka kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi erangiddwa : n'obuwanvu bwako bwali emikono abiri, n'obugulumivu mu bugazi bwako bwali emikono etaano, okwenkanankana n'ebyatimbibwa eby'oluggya.
- 19 N'empagi zaabyo zaali nnya, n'ebinnya byazo bina, eby'ebikomo; ebikwaso byazo bya ffeeza, n'eby'okubikka ku mitwe gyazo n'emiziziko gyazo bya ffeeza.
- 20 N'enninga zonna ez'eweema, n'ez'oluggya okwetooloola, byali bya bikomo.
- 21 Guno gwe muwendo ogw'ebintu eby'eweema, ye weema ey'obujulirwa, nga bwe byabalibwa nga Musa bwe yalagira, olw'okuweereza kw'Abaleevi, mu mukono gwa Isamaali, omwana wa Aloon kabona.
- 22 Ne Bezaaleeri, omwana wa Uli, omwana wa Kuuli, ow'ekika kya Yuda, ye yakola byonna Mukama bye yalagira Musa.
- 23 Era wamu naye waaliwo Okoliyaabu, omwana wa Akisamaki, ow'ekika kya Ddaani, omusazi w'amayinja, era omukozi ow'amagezi, era omudaliza wa kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi.
- 24 Zaabu yonna gye baakoza omulimu mu mulimu gwonna ogw'awatukuvu, ye zaabu ey'ekiweebwayo, yali ttalanta abiri mu mwenda, ne sekeri lusanvu mu amakumi asatu, nga sekeri ey'awatukuvu bw'eri.
- 25 Ne ffeeza ez'abo abaabalibwa ab'ekibiina yali ttalanta kikumi, ne sekeri lukumi mu lusanvu mu nsanvu mu ttaano, nga sekeri ey'awatukuvu bw'eri:
- 26 buli muntu beka emu, kye kitundu kya sekeri, nga sekeri ey'awatukuvu bw'eri, buli muntu eyayita okugenda mu abo abaabaliddwa, abaakamala emyaka abiri oba kusukkawo, abantu obusiriiu mukaaga mu enkumi ssatu mu bitaano mu ataano.
- 27 Ne ttalanta kikumi eza ffeeza zaali za kufumba ebinnya eby'awatukuvu, n'ebinnya eby'eggigi; ebinnya kikumi byava mu ttalanta kikumi, buli kinnya ttalanta.
- 28 Ne sekeri lukumi mu lusanvu mu nsanvu mu ttaano n'azikoza ebikwaso eby'empagi, n'abikka ku mitwe gyazo, n'azikolako emiziziko.
- 29 N'ebikomo eby'ekiweebwayo; byali ettalanta nsanvu, ne sekeri enkumi bbiri mu bina.
- 30 Nabyo, n'abikoza ebinnya eby'oluggi olw'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ekyoto eky'ekikomo, n'ekitindiro kyakyo eky'ekikomo, n'ebintu byonna eby'ekyoto,
- 31 n'ebinnya eby'oluggya okwetooloola n'ebinnya eby'oluggi olw'oluggya, n'enninga zonna ez'eweema, n'enninga zonna ez'oluggya okwetooloola.

Essuula 39

- 1 Ne kaniki n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne babikoza ebyambalo ebyalan-gibwa obulungi, eby'okuweerezangamu mu watukuvu, ne bakolera Aloon ebyambalo ebitukuvu Mukama nga bwe yalagira Musa.
- 2 N'akola ekkanzu eya zaabu, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi, erangiddwa.
- 3 Ne baweesa zaabu, ne bagifuula ebipaapi, ne bagikomolamu obunyere, okugirunga mu kaniki, ne mu lugoye olw'effulungu, ne mu lumyufu, ne mu bafuta ennungi, omulimu ogw'omukozi ow'amagezi.

- 4 Ne bagikolako eby'okubibegabega ebyagattibwa: yagattibwa ku nsonda zaayo zombi.
- 5 N'olukoba olw'alangibwa n'amagezi, olwagiriko, okugisibyanga, lwali lwa lugoye lumu nayo era omulimu gwalwo gwafaanaaa nga yo; lwa zaabu, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi erangiddwa; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 6 Ne balongoosa amayinja aga onuku, ne gayingizibwa mu mapeesa aga zaabu, ne gasalibwako ng'akabonero bwe kasalibwa, ng'amannya g'abaana ba Isiraeri bwe gaali.
- 7 N'agateeka ku by'oku bibegabega eby'ekkanzu, okuba amayinja ag'okujjukizanga eri abaana ba Isiraeri; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 8 N'akola eky'omu kifuba, omulimu ogw'omukozi ow'amagezi okufaanana ng'omulimu ogw'ekkanzu; kya zaabu, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, ne bafuta ennungi erangiddwa.
- 9 Kyenkanankana enjuyi zonna; eky'omu kifuba baakifunyanu: obuwanvu bwakyo luta, n'obugazi bwakyo luta, nga kifunyiddwamu.
- 10 Ne bakiteekamu ennyiziri nnya ez'amayinja: olunnyiriri olwa sadio, ne topazi, ne kabunkulo lwe lwali olunnyiriri olw'olubereberye.
- 11 N'olunnyiriri olw'okubiri ejjinja erya nnawandagala, safiro, ne alimasi.
- 12 N'olunnyiriri olw'okusatu yakinso, sebu, ne amesusito.
- 13 N'olunnyiriri olw'okuna berulo, onuku, ne yasipero: geetooloozebwa zaabu we gatonebwa.
- 14 Amayinja ne gaba ng'amannya g'abaana ba Isiraeri, ekkumi n'abiri, ng'amannya gaabwe; ng'akabonero bwe kasalibwa, buli muntu ng'erinnya lye, ebika ekkumi n'ebibiri.
- 15 Ne bakola ku ky'omu kifuba emikuufu ng'emigwa, obw'omulimu ogulangibwa ogwa zaabu ennungi.
- 16 Ne bakola amapeesa abiri aga zaabu, n'empeta bbiri eza zaabu; ne bateeka empeta ebbiri ku nsonda zombi ez'eky'omu kifuba.
- 17 Ne bateeka emikuufu gyombi obwa zaabu obulangibwa ku mpeta zombi ku nkomerero ez'eky'omu kifuba.
- 18 N'enkomerero zombi endala ez'emikuufu gyombi egirangibwa ne baziteeka ku mapeesa gombi, ne bagateeka ku by'okubibegabega eby'ekkanzu, ku luuyi lwayo olw'omu maaso.
- 19 Ne bakola empeta bbiri eza zaabu, ne baziteeka ku nsonda zombi ez'eky'omu kifuba, ku mabbali gaakyo agali ku luuyi olw'ekkanzu munda.
- 20 Ne bakola empeta bbiri eza zaabu, ne baziteeka ku by'oku bibegabega byombi eby'ekkanzu wansinsi, ku luuyi lwayo olw'omu maaso, kumpi n'olukindo lwayo, waggulu w'olukoba olw'ekkanzu olulukibwa n'amagezi.
- 21 Ne basiba eky'omukifuba n'empeta zaakyo n'empeta ez'ekkanzu n'akagoye aka kaniki, kibeere ku lukoba olw'ekkanzu olulangibwa n'amagezi, era eky'omu kifuba kireme okusumululwanga ku kkanzu; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 22 N'akola omunagirow'omu kkanzu gwa mulimu ogulangibwa, gwa kaniki gwonna;
- 23 n'ekituli eky'omunagirow'omu wakati mu gwo, ng'ekituli eky'ekizibawo eky'ekyuma, nga guliko olukugiro okwetooloola ekituli kyagwo, guleme okuyuzibwa.
- 24 Ne bakola ku birenge by'omunagirow'omu amakomamawanga aga kaniki n'ag'effulungu, n'ag'olumyufu, n'aga bafuta erangiddwa.
- 25 Ne bakola endege eza zaabu ennungi, ne bateeka endege wakati w'amakomamawanga ku birenge by'omunagirow'omu okwetooloola, wakati w'amakomamawanga;
- 26 endege n'ekkomamawanga, endege n'ekkomamawanga, ku birenge by'omunagirow'omu okwetooloola, okuweerezangamu; nga Mukama bwe yalagira Musa.

- 27 Ne bakolera Alooni ebizibawo ebya bafuta ennungi eby'omulimu ogulangibwa, n'abaana be,
- 28 n'ekirembe ekya bafuta ennungi, n'enkuufiira ennungi eza bafuta ennungi, ne seruwale eza bafuta ennungi erangiddwa,
- 29 n'olukoba olwa bafuta ennungi erangiddwa, ne kaniki, n'olugoye olw'effulungu, n'olumyufu, omulimu ogw'omudaliza; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 30 Ne bakola akapande ak'oku ngule entukuvu aka zaabu ennungi, ne bakawandiikako abigambo, ng'ebiwandiikibwa ku kabonero, nti OMUTUKUVU ERI MUKAMA.
- 31 Ne bakasibako akagoye aka kaniki, okukasiba ku kirembe waggulu; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 32 Bwe gutyo omulimu gwonna ogw'ennyumba ey'eweema ey'okusisinkanirangamu ne guggwa: era abaana ba Isiraeri baakola nga byonna Mukama bye yalagira Musa, bwe baakola bwe batyo.
- 33 Ne bagireetera Musa ennyumba, Eweema, n'ebintu byayo byonna, ebikwaso byayo, n'embaawo zaayo, n'emitu gyayo, n'empagi zaayo, n'ebinnya byayo;
- 34 n'eky'okubikkako eky'amaliba g'endiga eza seddume amannyike amamyufu, n'eky'okubikkako eky'amaliba g'eonge, n'eggigi eryawulamu;
- 35 essanduuko ey'obujulirwa, n'emisituliro gyayo, n'entebe ey'okusaasira;
- 36 emmeeza, n'ebintu byayo byonna, n'emigaati egy'okulaga;
- 37 ekikondo ekirongoofu, eby'ettabaaza byakyo, bye by'ettabaaza eby'okulongooseb-wanga, n'ebintu byakyo byonna, n'amafuta ag'ettabaaza;
- 38 n'ekyoto ekya zaabu, n'amafuta ag'okufukangako, n'obubaane obuwoomerevu, n'aka-timba ak'oluggi olw'eweema;
- 39 ekyoto eky'ekikomo, n'ekitindiro kyakyo eky'ekikomo, emisituliro kyakyo, n'ebintu byakyo byonna, ekinaabirwamu n'entobo yaakyo;
- 40 eby'okutimba eby'oluggya, empagi zaalwo, n'ebinnya byalwo, n'akatimba ak'oluggi olw'oluggya, emigwa gyalwo, n'eninga zaalwo, n'ebintu byonna eby'okuweereza okw'omu nnyumba, eby'eweema ey'okusisinkanirangamu;
- 41 ebyambalo ebyakolebwa obulungi eby'okuweerezangamu mu watukuvu, n'ebyambalo ebitukuvu ebya Alooni kabona, n'ebyambalo eby'abaana be, okuweerezangamu mu bwakabona.
- 42 Nga byonna Mukama bye yalagira Musa, bwe batyo abaana ba Isiraeri bwe baakola omulimu gwonna.
- 43 Musa n'alaba omulimu gwonna, era, laba, baali nga bagumaze; nga Mukama bwe yalagira, bwe batyo bwe baali bagukoledde ddala: Musa n'abasabira omukisa.

Essuula 40

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye olisimba ennyumba ey'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 3 Era oligiteekamu essanduuko ey'obujulirwa, era olitimba eggigi ku ssanduuko.
- 4 Era oliyingiza emmeeza, n'oteekateeka ebintu ebikiriko; n'oyingiza ekikondo, n'okoleeza ettabaaza zaakyo.
- 5 Era oliteeka ekyoto ekya zaabu eky'okwoterezangako obubaane mu maaso g'essanduuko ey'obujulirwa, n'oteekawo akatimba ak'oluggi olw'eweema.
- 6 Era oliteeka ekyoto eky'okwokerangako ebiweebwayo mu maaso g'omulyango ogw'ennyumba y'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 7 Era oliteeka ekinaabirwamu wakati w'eweema ey'okusisinkanirangamu n'ekyoto, n'okifukamu amazzi.

- 8 Era olisimba oluggya okwetooloola, n'otimba akatimba ak'oluggi olw'oluggya.
- 9 Era olitwala amafuta ag'okufukangako, n'ofuka ku weema, ne ku byonna ebirimu, n'ogitukuza, n'ebintu byayo byonna: era eribeera entukuvu.
- 10 Era oligafukako ku kyoto eky'okwokerangako ebiweebwayo, n'ebintu byakyo byonna, n'otukuza ekyoto: n'ekyoto kiribeera kitukuvu nnyo.
- 11 Era oligafukako ku kinaabirwamu n'entobo yaakyo, n'okitukuza.
- 12 Era olireeta Alooni n'abaana be ku mulyango ogw'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'obanaaza n'amazzi.
- 13 Era oliyambaza Alooni ebyambalo ebitukuvu; n'omufukako amafuta, n'omutukuza, ampeerereze mu bwakabona.
- 14 Era olireeta abaana be, n'obambaza ebizibawo:
- 15 n'obafukako amafuta, nga bw'ofuse ku kitaabwe, bampeerereze mu bwakabona: era bwe balifukibwako amafuta, kiribabeerera obwakabona obutalibavaako mu mirembe gyabwe gyonna.
- 16 Musa n'akola bw'atyo: nga byonna Mukama bye yamulagira, bwe yakola bw'atyo.
- 17 Awo olwatuuka mu mwezi ogw'olubereberye ogw'omwaka ogw'okubiri, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi, eweema n'esimbibwa.
- 18 Musa n'asimba eweema, n'ateekawo ebinnya byayo, n'ayimiriza embaawo zaayo, n'ayingiza emiti gyayo; n'awangiza empagi zaayo.
- 19 N'atimba eweema ku nnyumba, n'agiteekako kungulu eky'okubikka ku weema; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 20 N'atwala obujulirwa n'abuteeka mu ssanduuko, n'assa emisituliro ku ssanduuko, n'ateeka entebe ey'okusaasira kungulu ku ssanduuko:
- 21 n'ayingiza ssanduuko mu weema, n'atimba eggigi eryawulamu, n'akisa essanduuko ey'obujulirwa; nga Mukama bye yalagira Musa.
- 22 N'ateeka emmeeza mu weema ey'okusisinkanirangamu, ku luuyi olw'eweema olw'obukiika obwa kkono, ebweru w'eggigi.
- 23 N'agiteekateekako emigaati mu maaso ga Mukama: nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 24 N'ateeka ekikondo mu weema ey'okusisinkanirangamu, mu maaso g'emmeeza, ku luuyi olw'eweema olw'obukiika obwa ddyo.
- 25 N'akoleeza ettabaaza mu maaso ga Mukama; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 26 N'ateeka ekyoto ekya zaabu mu weema ey'okusisinkanirangamu mu maaso g'eggigi:
- 27 n'akyoterezaako obubaane obw'ebyakaloosa ebiwoomerevu; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 28 N'ateekawo akatimba ak'oluggi olw'eweema.
- 29 N'ateeka ekyoto eky'okwokerangako ebiweebwayo ku mulyango ogw'ennyumba ey'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'akiwaako ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'obutta; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 30 N'ateeka ekinaabirwamu wakati w'eweema ey'okusisinkanirangamu n'ekyoto, n'akifukamu amazzi, okunaabiramu.
- 31 Musa ne Alooni n'abaana be ne bakinaabirangamu engalo zaabwe n'ebigere byabwe;
- 32 bwe baayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu, era bwe baasembereranga ekyoto, baanaabanga: nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 33 N'asimba oluggya okwetooloola eweema n'ekyoto, n'atimba akatimba ak'oluggi olw'oluggya. Bw'atyo Musa n'amala omulimu.
- 34 Ekire ne kiryoka kibikka ku weema ey'okusisinkanirangamu, n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjuza ennyumba.
- 35 Musa n'atayinza kuyingira mu weema ey'okusisinkanirangamu, kubanga ekire kyagituulako, n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjuza ennyumba.
- 36 Era ekire bwe kyaggibwanga ku weema, abaana ba Isiraeri ne batambulanga, mu

lugendo lwabwe lwonna:

- 37** naye ekire bwe kitaggibwangako, ne batatambulanga okutuusa ku lunaku lwe kyaggibwangako.
- 38** Kubanga ekire kya Mukama kyabeeranga ku weema emisana, n'ekiro ne mubangamu omuliro, mu maaso g'ennyumba ya Isiraeri yonna, mu lugendo lwabwe lwonna.

Ebyabaleevi

Essuula 1

- 1 Awo Mukama n'akoowoola Musa n'ayogera naye mu weema ey'okusisinkanirangamu ng'agamba nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri obagambe nti Omuntu yenna ku mmwe bw'awangayo ekitone eri Mukama, munaakiwangayo okukiggya ku nsolo, ku nte ne ku mbuzi.
- 3 Oba ng'awaayo ekiweebwayo ekyokebwa ku nte, anaawangayo nnume eteriiko bulema: anaagiweerangayo ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, alyoke akkirizibwenga mu maaso ga Mukama.
- 4 Era anaateekanga engalo ze ku mutwe gw'ekiweebwayo ekyokebwa; awo eneemukkirizibwanga okumutangirira.
- 5 Awo anattiranga ente mu maaso ga Mukama: n'abaana ba Alooni, bakabona, banaaleetanga omusaayi, era banaamansiranga omusaayi ku kyoto enjuyi zonna ekiri ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 6 Awo anaabaaganga ekiweebwayo ekyokebwa era anaakisalangamu ebitundu byakyo.
- 7 Awo abaana ba Alooni kabona banaateekanga omuliro ku kyoto, ne batindikira enku ku muliro:
- 8 awo abaana ba Alooni, bakabona, banaateekateekanga ebifi, omutwe n'amasavu, ku nku eziri ku muliro oguli ku kyoto:
- 9 naye ebyenda byayo n'amagulu gaayo anaabinaazanga n'amazzi: awo kabona anaayokeranga byonna ku kyoto, okuba ekiweebwayo ekyokebwa ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.
- 10 Era oba ng'awaayo ku kisibo, kwe kugamba nti ku ndiga oba ku mbuzi, okuba ekiweebwayo ekyokebwa; anaawangayo nnume eteriiko bulema.
- 11 Era anaagittiranga ku luuyi lw'ekyoto olw'obukiika obwa kkono mu maaso ga Mukama: n'abaana ba Alooni, bakabona, banaamansiranga omusaayi gwayo ku kyoto enjuyi zonna.
- 12 Awo anaagisalangamu ebifi byayo, awamu n'omutwe gwayo n'amasavu gaayo: awo kabona anaabiteekateekanga ku nku eziri ku muliro oguli ku kyoto:
- 13 naye ebyenda n'amagulu anaabinaazanga n'amazzi: awo kabona anaawangayo yonna, anaayokeranga ku kyoto: kye kiweebwayo ekyokebwa ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.
- 14 Era oba ng'awaayo eri Mukama ekiweebwayo ekyokebwa eky'ennyonyi, anaawangayo bukaamukuukulu oba amayiba amato.
- 15 Awo kabona anaakaleetanga eri ekyoto, n'akanyoola omutwe n'agumenyako, n'akookera ku kyoto; n'omusaayi gwako gunaatonyeranga ku mabbali g'ekyoto:
- 16 awo anaggyangamu ekisakiro kyako awamu n'empitambi yaakyo, n'akisuula ku mabbali g'ekyoto ku luuyi olw'ebuvanjuba, mu kifo eky'evvu:
- 17 era anaakayuzanga n'ebiwaawaatiro byako, takasalangamu: awo kabona anaakookeranga ku kyoto, ku nku eziri ku muliro: kye kiweebwayo ekyokebwa, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.

Essuula 2

- 1 Era omuntu yenna bw'awangayo ekitone eky'obutta obuweebwayo eri Mukama ekitone kye kinaabanga kya butta bulungi: era anaabufukangako amafuta n'abuteekako omugavu:
- 2 awo anaakireeteranga abaana ba Alooni bakabona: naye anaakiggyangamu olubatu

Iwe olw'obutta obulungi bwakyo n'olw'amafula gaakyo, awamu n'omugavu gwakyo gwonna; awo kabona anaabwokyaanga okuba ekijjukizo kyakyo ku kyoto, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama:

- 3 n'ekyo ekifikkawo ku kiweebwayo eky'obutta kinaabanga kya Alooni n'abaana be: kye kintu ekitukuvu ennyo ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro.
- 4 Era bw'owangayo ekitone eky'obutta obuweebwayo obwokeddwa mu kabiga, kinaabanga emigaati egitazimbulukuswa egy'obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, oba egy'empewere egitazimbulukuswa egisiigibwako amafuta.
- 5 Era oba ng'owaayo ekitone eky'obutta eky'omu kikalango, kinaabanga kya butta bulungi obutazimbulukuswa obutabuddwamu amafuta.
- 6 Onookyawulangamu ebitundu, obufukeko amafuta: kye kiweebwayo eky'obutta.
- 7 Era oba ng'owaayo ekitone eky'obutta eky'omu kikalango, kinaakolebwanga n'obutta obulungi wamu n'amafula.
- 8 Awo onooletanga ekiweebwayo eky'obutta ekikolebwa n'ebyo eri Mukama: awo kinaaleeterwanga kabona, naye anaakitwalanga eri ekyoto.
- 9 Awo kabona anaalobolanga ku kiweebwayo eky'obutta ekijjukizo kyakyo, anaakyokeranga ku kyoto: ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.
- 10 N'ekyo ekinaafikkangawo ku kiweebwayo eky'obutta kinaabanga kya Alooni n'abaana be: kye kintu ekitukuvu ennyo ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro.
- 11 Tewabangawo kiweebwayo kya butta, kye munaawangayo eri Mukama, ekikolebwa n'ekizimbulukusa: kubanga temwokyaanga ekizimbulukusa kyonna, newakubadde omubisi gw'enjuki gwonna, okuba ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 12 Ebyo munaabiwangayo eri Mukama okuba ekitone eky'ebibereberye: naye tebirinnyisibwanga ku kyoto okuba evvumbe eddungi.
- 13 Era buli kitone eky'obutta bw'onoowangayo onookirungangamu omunnyo; so tokkirizanga ky'owaayo eky'obutta okubulwa omunnyo ogw'endagaano ya Katonda wo: awamu n'ebitone byo byonna onoowangayo omunnyo.
- 14 Era oba ng'owaayo ekiweebwayo eky'obutta eky'ebibereberye eri Mukama, onoowan-gayo okuba ekiweebwayo eky'obutta eky'ebibereberye byo eaano ng'ekyali ku birimba eyokebwa n'omuliro, eaano embetentere ku birimba ebibisi.
- 15 Awo onoogifukangako amafuta, era onoogiteekangako omugavu: ekyo kye kiweebwayo eky'obutta.
- 16 Era kabona anaayokyaanga ekijjukizo kyakyo, ekitundu ky'eano yaakyo embetente, n'ekitundu ky'amafula gaakyo, wamu n'omugavu gwakyo gwonna: kye kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.

Essuula 3

- 1 Era oba ng'awaayo ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe; bw'anaawangayo ku nte, oba nnume oba nkazi, anaawangayo eteriiko bulema mu maaso ga Mukama.
- 2 Awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gwayo gy'awaayo, n'agittira ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu: awo abaana ba Alooni bakabona banaamansiranga omusaayi ku kyoto enjuyi zonna.
- 3 Era anaawangayo ku ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama; amasavu agabikka ku byenda n'amasavu gonna agali ku byenda,
- 4 n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, agaliraana ekiwato, n'ekiserige ekiri ku kibumba, awamu n'ensigo, anaabiggyangako.

- 5 Awo abaana ba Aloonni banaagookeranga ku kyoto ku kiweebwayo ekyokebwa ekiri ku nku eziri ku muliro: kye kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.
- 6 Era oba ng'awaayo ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe eri Mukama ku mbuzi; oba nnume oba nkazi, anaagiwangayo nga teriiko bulema.
- 7 Bw'anaawangayo omwana gw'endiga okuba ekitone kye, anaaguweerangayo mu maaso ga Mukama:
- 8 awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gw'ekitone kye, n'agittiranga mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu: awo abaana ba Aloonni banaamansiranga omusaayi gwayo ku kyoto enjuyi zonna.
- 9 Era anaawangayo ku ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama; amasavu gaayo, omukira ogwa ssava omulamba, anaagusaliranga kumpi n'omugongo; n'amasavu agabikka ku byenda, n'amasavu gonna agali ku byenda,
- 10 n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, agaliraana ekiwato, n'ekisenge ekiri ku kibumba, awamu n'ensigo, anaabiggyangako.
- 11 Awo kabona anaagookeranga ku kyoto: ekyokulya eky'ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 12 Era oba ng'awaayo embuzi, anaagiweerangayo mu maaso ga Mukama:
- 13 awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gwayo, n'agittira mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu: awo abaana ba Aloonni banaamansiranga omusaayi gwayo ku kyoto enjuyi zonna.
- 14 Awo anaawangayo ku yo ekitone kye, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama; amasavu agabikka ku byenda, n'amasavu gonna agali ku byenda,
- 15 n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, agaliraana ekiwato, n'ekisenge ekiri ku kibumba, awamu n'ensigo, anaabiggyangako.
- 16 Awo kabona anaabyokeranga ku kyoto: kye ky'okulya eky'ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro olw'evvumbe eddungi: amasavu gonna ga Mukama.
- 17 Lino linaabanga etteeka eritajjulukuka emirembe gyammwe gyonna mu nnyumba zammwe zonna, obutalyanga ku masavu newakubadde omusaayi.

Essuula 4

- 1 Mukama n'agamba Musa ng'ayogera nti
- 2 Buulira abaana ba Isiraeri ng'oyogera nti Omuntu yenna bw'anaayoononanga nga tamanyiridde, mu kigambo kyonna ku ebyo Mukama bye yalagira obutabikolanga, n'amala akola kyonna ku ebyo:
- 3 kabona eyafukibwako amafuta bw'anaayoononanga n'okuleeta n'aleetera abantu omusango; awo awengayo olw'ekibi kye ky'ayoononye ente ennume envubuka eteriiko bulema eri Mukama okuba ekiweebwayo olw'ekibi.
- 4 Awo anaaleetanga ente eri omulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu mu maaso ga Mukama; awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gw'ente, n'attira ente mu maaso ga Mukama.
- 5 Awo kabona eyafukibwako amafuta anaatoolanga ku musaayi gw'ente, n'aguleeta eri eweema ey'okusisinkanirangamu:
- 6 awo kabona anannyikanga engalo ye mu musaayi, n'amansira ku musaayi emirundi musanvu mu maaso ga Mukama, mu maaso g'eggigi ly'awatukuvu.
- 7 Awo kabona anaasiiganga ku musaayi ku mayembe g'ekyoto eky'okwoterezangako eby'akaloosa mu maaso ga Mukama, ekiri mu weema ey'okusisinkanirangamu; n'omusaayi gwonna ogw'ente anaaguyiwanga ku ntobo y'ekyoto ekiweebwayo

- ebyokebwa ekiri ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 8 N'amasavu gonna ag'ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi anagiggyangako; amasavu agabikka ku byenda, n'amasavu gonna agali ku byenda,
 - 9 n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, agaliraana ekiwato, n'ekisenge ekiri ku kibumba, awamu n'ensigo, anabiggyangako,
 - 10 nga bwe gaggibwa ku nte eya ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: awo kabona anaabyokeranga ku kyoto ekiweerwako ebyokebwa.
 - 11 N'eddiba ly'ente, n'ennyama yaayo yonna, wamu n'omutwe gwayo, n'amagulu gaayo, n'ebyenda byayo, n'obusa bwayo,
 - 12 ente yonna anaagitwalanga ebweru w'olusiisira eri ekifo ekirongoofu, ewu we lifukwa, agyokyenga n'omuliro ku nku: evvu we lifukwa eyo gy'eneeyokerwanga.
 - 13 Era oba ng'ekibiina kyonna ekya Isiraeri kinaasobyanga, ekigambo ne kikwekebwa mu maaso g'ekibiina, era nga bakoze ekigambo kyonna ku ebyo Mukama bye yalagira obutabikolanga, era nga bazzizza omusango;
 - 14 ekibi kye boonoonye bwe kinaamanyibwanga, awo ekibiina kinaawangayo ente ennume envubuka okuba ekiweebwayo olw'ekibi, ne bagireetanga mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu.
 - 15 Awo abakadde b'ekibiina banaateekanga engalo zaabwe ku mutwe gw'ente mu maaso ga Mukama: ne battira ente mu maaso ga Mukama.
 - 16 Awo kabona eyafukibwako amafuta anaaleetanga ku musaayi gw'ente eri eweema ey'okusisinkanirangamu:
 - 17 awo kabona anannyikanga engalo ye mu musaayi, n'agumansira emirundi musanvu mu maaso ga Mukama, mu maaso g'eggigi.
 - 18 Awo anaasiiganga ku musaayi ku mayembe g'ekyoto ekiri mu maaso ga Mukama, ekiri mu weema ey'okusisinkanirangamu, n'omusaayi gwonna anaaguyiwanga ku ntobo y'ekyoto ekiweerwako ebyokebwa, ekiri ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
 - 19 N'amasavu gaayo gonna anaagagiggyangako, n'agookera ku kyoto.
 - 20 Bw'atyo bw'anaakolanga ente; nga bwe yakola ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi, bw'atyo bw'anaakolanga eno: ne kabona anaabatangiriranga, bo ne basonyiyibwa.
 - 21 Awo anaatwalanga ente ebweru w'olusiisira, n'agyokya nga bwe yayokya ente ey'olubereberye: kye kiweebwayo olw'ekibi olw'ekibiina.
 - 22 Omukulu yenna bw'ayonoonanga, n'akola nga tamanyiridde ekigambo kyonna kyonna ku ebyo byonna Mukama Katonda we bye yalagira obutabikolanga, era ng'azzizza omusango;
 - 23 ekibi ky'ayonoonye bw'anaakitegeezebwanga, anaaleetanga embuzi okuba ekitone kye, ennume eteriiko bulema;
 - 24 awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gw'embuzi, n'agittira mu kifo mwe battira ekiweebwayo ekyokebwa mu maaso ga Mukama: kye kiweebwayo olw'ekibi.
 - 25 Awo kabona anaatoolanga n'engalo ye ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'agusiiga ku mayembe g'ekyoto ekiweerwako ebyokebwa, n'omusaayi gwayo anaaguyiwanga ku ntobo y'ekyoto ekiweerwako ebyokebwa.
 - 26 N'amasavu gaayo gonna anaagookeranga ku kyoto, ng'amasavu aga ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe: awo kabona anaamutangiriranga olw'ekibi kye, naye anaasoyiyibwanga.
 - 27 Era oba ng'omuntu yenna ku bantu ab'omu nsi ayonoona nga tamanyiridde, ng'akola ekigambo kyonna ku ebyo Mukama bye yalagira obutabikolanga, era ng'azzizza omusango;
 - 28 ekibi kye ky'ayonoonye bw'anaakitegeezebwanga, awo anaaleetanga embuzi okuba ekitone kye, enkazi eteriiko bulema, olw'ekibi ky'ayonoonye.

- 29 Awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'attira ekiweebwayo olw'ekibi mu kifo eky'ekiweebwayo ekyokebwa.
- 30 Awo kabona anaatoolanga n'engalo ye ku musaayi gwayo, n'agusiiga ku mayembe g'ekyoto ekiweerwako ebyokebwa, n'omusaayi gwayo gwonna anaaguyiwanga ku ntobo y'ekyoto.
- 31 N'amasavu gaayo gonna anaagaggyangako, ng'amasavu bwe gaggibwa ku ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe; awo kabona anaagookeranga ku kyoto okuba evvumbe eddungi eri Mukama; era kabona anaamutangiriranga, naye anaasonyiyibwanga.
- 32 Era oba ng'aleeta omwana gw'endiga okuguwaayo okuba ekiweebwayo olw'ekibi, anaaleetanga enkazi eteriiko bulema.
- 33 Awo anaateekanga engalo ze ku mutwe gw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'agitta okuba ekiweebwayo olw'ekibi mu kifo mwe battira ekiweebwayo ekyokebwa.
- 34 Awo kabona anaatoolanga n'engalo ye ku musaayi gw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'aguteeka ku mayembe g'ekyoto ekiweerwako ebyokebwa, n'omusaayi gwayo gwonna anaaguyiwanga ku ntobo y'ekyoto:
- 35 n'amasavu gaayo gonna anaagaggyangako, ng'amasavu g'omwana gw'endiga bwe gaggibwa ku ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe; awo kabona annabyokeranga ku kyoto, ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro: awo kabona anaamutangiriranga olw'ekibi ky'ayonoonye, naye anaasonyiyibwanga.

Essuula 5

- 1 Era oba ng'omuntu yenna ayonoona, ng'awulira eddoboosi ery'okulayiza, oba nga mujulirwa, oba nga yalaba oba nga yamanya, bw'ataakyogerenga, kale anaabangako obubi bwe:
- 2 era oba ng'omuntu yenna akoma ku kintu ekitali kirongoofu, oba mulambo gw'ensolo ey'omu nsiko eteri nnongoofu, oba mulambo gw'ensolo ey'omu nnyumba eteri nnongoofu, oba mulambo gw'ebyewalula ebitali birongoofu, naye ng'akwekeddwa; n'aba atali mulongoofu, kale ng'aliko omusango:
- 3 era oba ng'akoma ku butali bulongoofu bw'omuntu bwonna bwonna obumufuula atali mulongoofu, naye ng'akwekeddwa; bw'anaakimanyanga, kale ng'aliko omusango:
- 4 era oba ng'omuntu yenna alayira mangu n'emimwa gye okukola obubi, oba okukola obulungi, ekintu kyonna omuntu ky'anaayogeranga amangu n'ekirayiro, naye ng'akwekeddwa; bw'anaakimanyanga, kale ng'aliko omusango mu kimu ku bigambo ebyo:
- 5 awo olulituuka bw'anaabangako omusango mu kimu ku ebyo, kale anaayatulanga ekigambo kye yayonoona:
- 6 awo anaaleetanga ekyo ky'awaayo olw'omusango eri Mukama olw'ekibi ky'ayonoonye, enkazi ey'omu kisibo, omwana gw'endiga oba mbuzi, okuba ekiweebwayo olw'ekibi: ne kabona anaamutangiriranga olw'ekibi kye.
- 7 Era oba ng'ebintu bye bitono n'okuyinza n'atayinza mwana gwa ndiga, kale anaaleetanga eri Mukama okuba ekyo ky'awaayo olw'omusango olw'ekigambo ky'ayonoonye, bukamukuukulu bubiri, oba amayiba amato abiri; akamu ka kiweebwayo kya kibi, ak'okubiri ka kiweebwayo ekyokebwa.
- 8 Awo anaabuleetanga eri kabona, naye anaasookanga okuwaayo ak'ekiweebwayo olw'ekibi, n'anyoola omutwe gwako ku bulago bwako, naye n'atakasalamu:
- 9 awo anaamansiranga ku musaayi gw'ekiweebwayo olw'ekibi ku mabbali g'ekyoto; n'omusaayi gwonna ogusigaddewo gunaattonnyezebwanga ku ntobo y'ekyoto: kye kiweebwayo olw'ekibi.

- 10 Era anaawangayo ak'okubiri okuba ekiweebwayo ekyokebwa, ng'ekiragiwo bwe kiri: ne kabona anaamutangiriranga olw'ekibi ky'ayonoonye, naye anaasonyiyibwanga.
- 11 Naye oba ng'ebintu bye bitono n'okuyinza n'atayinza bukaamukuukulu bubiri, newakubadde amayiba amato abiri, kale anaaleetanga okuba ekitone kye olw'ekigambo ky'ayonoonye, ekitundu eky'ekkami ekya efa y'obutta obulungi, okuba ekiweebwayo olw'ekibi; tateekangako mafuta, so tateekangako mugavu: kubanga kye kiweebwayo olw'ekibi.
- 12 Awo anaabuleetanga eri kabona, kabona n'abutoolako olubatu lwe okuba ekijjukizo kyabwo, n'abwokera ku kyoto, ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro: kye kiweebwayo olw'ekibi.
- 13 Ne kabona anaamutangiriranga olw'ekibi ky'ayonoonye mu bigambo ebyo byonna, naye anaasonyiyibwanga: n'ekitundu ekinaafikkangawo kinaabanga kya kabona, ng'ekiweebwayo eky'obutta.
- 14 Mukama n'agamba Musa nti
- 15 Omuntu yenna bw'asobyanga, n'ayonoona nga tamanyiridde mu bigambo ebitukuvu ebya Mukama; kale anaaleetanga eri Mukama ekyo ky'awaayo olw'omusango, endiga ennume eteriiko bulema ey'omu kisibo, nga bw'onoosaliranga ffeeza mu sekeri, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri, okuba ekiweebwayo, olw'omusango:
- 16 era anaagattanga olw'ekigambo ky'asobezza mu kigambo ekitukuvu era anaakyongerangako ekitundu eky'ekkami, n'akiwa kabona: ne kabona anaamutangiriranga n'endiga ennume ey'ekiweebwayo olw'omusango, naye anaasonyiyibwanga.
- 17 Era omuntu yenna bw'anaayonoona, ng'akola ekigambo kyonna ku ebyo Mukama bye yalagira obutabikolanga; newakubadde nga yali takimanyi, naye ng'aliko omusango, era anaabangako obubi bwe.
- 18 Awo anaatoolanga endiga ennume eteriiko bulema ng'agiggya mu ndiga ze, nga bw'onoosalanga, okuba ekiweebwayo olw'omusango n'agireeta eri kabona: ne kabona anaamutangiriranga olw'ekigambo kye yasobyanga nga tamanyiridde n'atakitegeera, naye anaasonyiyibwanga.
- 19 Kye kiweebwayo olw'omusango: mazima ng'aliko omusango mu maaso ga Mukama.

Essuula 6

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Omuntu yenna bw'ayonoona, n'asobyanga ku Mukama, n'alyazaamaanya muliraanwa we mu bigambo eby'okuteresa, oba mu by'okulamulagana, oba mu by'okunyaga, oba bw'abanga ajooze muliraanwa we;
- 3 oba bw'aba ng'azudde ekyazaawa, n'akiryazaamaanya, n'alayira eby'obulimba; mu kigambo kyonna ku ebyo byonna omuntu ky'akola ng'ayonoona bw'atyo;
- 4 kale olunaatuukanga bw'aba ng'ayonoonye era ng'aliko omusango, anazzangayo ekyo kye yanyaga, oba kye yafuna olw'okujooga, oba ekyateresebwa kye baamukwasa, oba ekyazaawa kye yazuula
- 5 oba ekintu kyonna kye yalayirira ng'alimba; anaakizzangayo kyonna, era anaakyongerangako ekitundu kyakyo eky'okutaano: nannyini kyo gw'alikiwa ku lunaku lw'alirabika ng'aliko omusango.
- 6 Era anaaleetanga ekyo ky'awaayo olw'omusango eri Mukama, endiga ennume eteriiko bulema ey'omu kisibo, nga bw'onoosalanga okuba ekiweebwayo olw'omusaago, eri kabona:
- 7 ne kabona anaamutangiriranga mu maaso ga Mukama, naye anaasonyiyibwanga; mu bigambo byonna bye yali akoze ebimuleetako omusango.
- 8 Mukama n'agamba Musa nti

- 9 Lagira Alooni n'abaana be nti Lino lye tteeka ery'ekiweebwayo ekyokebwa: ekiweebwayo ekyokebwa kinaabanga ku nku zaakyo ku kyoto, kinaasulangako oku-keesa obudde; era omuliro ogw'omu kyoto gunaakumibwanga omwo obutazikiranga.
- 10 Era kabona anaayambalanga ekyambalo kye ekya bafuta, ne seruwale ye eya bafuta anaagyambalanga ku mubiri gwe; kale anaasitulanga evvu erivudde mu kiweebwayo ekyokebwa omuliro kye gwokezza ku kyoto, era anaaliteekanga ku mabbali g'ekyoto.
- 11 Awo anaayambulanga ebyambalo bye, n'ayambala ebyambalo ebirala, n'atwala evvu ebweru w'olusiisira eri ekifo ekirongoofu.
- 12 Era omuliro oguli ku kyoto gunaakumibwanga omwo obutazikiranga; era kabona anaayokerangako enku buli nkya: era anaakiteekerateekerangako ekiweebwayo ekyokebwa, era anaakyokerangako amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe.
- 13 Omuliro gunaakumibwanga mu kyoto lutata; teguzikiranga.
- 14 Era lino lye tteeka ery'ekiweebwayo eky'obutta: abaana ba Alooni banaakiwecrangayo mu maaso ga Mukama mu maaso g'ekyoto.
- 15 Era anaakitoolangako olubatu lwe, ku butta obulungi obw'ekiweebwayo eky'obutta, ne ku mafuta gaakyo, n'omugavu gwonna oguli ku kiweebwayo eky'obutta, n'akyok-era ku kyoto okuba evvumbe eddungi, okuba ekijjukizo kyakyo eri Mukama.
- 16 N'ekyo ekinaafikkangawo Alooni n'abaana be banaakiryanga: kinaaliirwanga awatali kizimbulukusa mu kifo ekitukuvu; mu luggya lw'eweema ey'okusisinkanirangamu mwe banaakiriiranga.
- 17 Tekyokebwanga n'ekizimbulukusa. Nkibawadde okuba omugabo gwabwe ku byange ebiweebwayo ebikolebwa n'omuliro; kye kitukuvu ennyo, ng'ekiweebwayo olw'ekibi, era ng'ekiweebwayo olw'omusango.
- 18 Buli musajja ku baana ba Alooni banaakiryangako, okuba ebbanja ennaku zonna mu mirembe gyammwe gyonna, ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro; buli anaabikomangako anaabanga mutukuvu.
- 19 Mukama n'agamba Musa nti
- 20 Kino kye kitone kya Alooni n'abaana be, kye banaawangayo eri Mukama ku lunaku lw'alifukirwako amafuta; ekitundu eky'ekkumi ekya efa y'obutta obulungi okuba ekiweebwayo eky'obutta ennaku zonna, ekitundu kyabwo enkya, n'ekitundu kyabwo akawungeezi.
- 21 Ku kikalango kwe bunaafumbirwanga n'amafuta; bwe bumalanga okunnyikira, n'olyoka obuyingiza: onoowangayo ekiweebwayo eky'obutta mu bitole ebyokye okuba evvumbe eddungi eri Mukama.
- 22 Era kabona eyafukibwako amafuta anaabanga mu kifo kye ow'oku baana be ye anaakiwangayo: kinaayokebwanga kyonna eri Mukama olw'etteeka eritalijjulukuka ennaku zonna.
- 23 Era buli ekiweebwayo eky'obutta ekya kabona kinaayokebwanga kyonna: tekiriibwanga.
- 24 Mukama n'agamba Musa nti
- 25 Gamba Alooni n'abaana be nti Lino lye tteeka ery'ekiweebwayo olw'ekibi: mu kifo ekiweebwayo ekyokebwa mwe kittirwa n'ekiweebwayo olw'ekibi mwe kinattirwanga mu maaso ga Mukama: kye kitukuvu ennyo.
- 26 Kabona akiwaayo olw'ekibi y'aaaakiryanga: kinaaliirwanga mu kifo ekitukuvu, mu luggya lw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 27 Buli ekinaakomanga ku nnyama yaakyo kinaabanga kitukuvu: era bwe kunaamansirwanga ku musaayi gwakyo ku kyambalo kyonna, onooyolezanga ekyo ekimansid-dwako mu kifo ekitukuvu.
- 28 Naye ekintu ekibumbe mwe kifumbirwa kinaayasibwanga: era oba nga kifumbiddwa mu kintu eky'ekikomo, kinaasiimuulwanga era kinaayozebwanga n'amazzi.

- 29 Buli musajja ku bakabona anaakiryangako: kye kitukuvu ennyo.
- 30 So tewabanga kiweebwayo lwa kibi, kye batoolako ku musaayi gwakyo ne baguyin-giza mu weema ey'okusisinkanirangamu okutangirira mu watukuvu, kye balyako; kinaayokebwanga n'omuliro.

Essuula 7

- 1 Era lino lye tteeka ery'ekiweebwayo olw'omusango: kye kitukuvu ennyo.
- 2 Mu kifo mwe battira ekiweebwayo ekyokebwa mwe banattiranga ekiweebwayo olw'omusango: n'omusaayi gwakyo anaagumansiranga ku kyoto enjuyi zonna.
- 3 Era anaawangayo ku kyo amasavu gaakyo gonna; omukira ogwa ssava, n'amasavu agali ku byenda
- 4 n'ensigo zombi, n'amasavu agaziriko, agaliraana n'ekiwato, n'ekisenge ekiri ku kibumba, awamu n'ensigo, anaabiggyangako:
- 5 awo kabona anaabyokeranga ku kyoto okuba ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama: kye kiweebwayo olw'omusango.
- 6 Buli musajja ku bakabona anaakiryangako: kinaaliirwanga mu kifo ekitukuvu: kye kitukuvu ennyo.
- 7 Ng'ekiweebwayo olw'ekibi bwe kiri, n'ekiweebwayo olw'omusango bwe kiri bwe kiti: etteeka lyabyo limu: kabona annakitangirizanga y'anaabanga nakyo.
- 8 Era kabona awaayo ekiweebwayo ekyokebwa eky'omuntu yenna, kabona oyo y'aneet-waliranga eddiba ery'ekiweebwayo ekyokebwa ky'awaddeyo.
- 9 Era buli ekiweebwayo eky'obutta ekyokerwa mu kabiga, ne byonna ebirongoosebwa mu kikalango, ne ku kikalango eky'omu kabiga, binaabanga bya kabona abiwaayo.
- 10 Era buli ekiweebwayo eky'obutta ekitabulwamu amafuta oba kikalu, abaana ba Alooni bonna banaabanga nakyo, buli muntu okwenkana ne munne.
- 11 Era lino lye tteeka erya ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe omuntu by'anaawangayo eri Mukama
- 12 Oba ng'agiwaayo olw'okwebaza, kale anaaweerangayo wa mu ne ssaddaaka ey'okwebaza emigaati egitazimbulukuswa egitabuddwamu amafuta, n'egy'empewere egitazimbulukuswa egisiigiddwako amafuta, n'emigaati egitabudwamu amafuta, egy'obutta obulungi obunnyikidde.
- 13 Awamu n'emigaati egizimbulukuswa bw'anaawangayo ky'awaayo wamu ne ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe olw'okwebaza.
- 14 Era ku yo anaawangayo gumu ku buli kitone okuba ekiweebwayo ekisitulibwa eri Mukama; gunaabanga gwa kabona oyo amansira omusaayi ogw'ebiweebwayo olw'emirembe.
- 15 Era ennyama eya ssaddaaka y'ebyo by'awaayo olw'emirembe olw'okwebaza eneriibwanga ku lunaku lw'agiweerako; tafissangako okutuusa enkya.
- 16 Naye oba nga ssaddaaka gy'awaayo bweyamo, oba gy'awaayo ku bubwe, eneriibwanga ku lunaku lw'aweerako saddaaka ye: n'enkya ekinaafikkangako kinaaliibwanga;
- 17 naye ekinaafikkanga ku nnyama eya ssaddaaka ku lunaku olw'okusatu kinaayokebwanga n'omuliro.
- 18 Era oba ng'ennyama yonna eya ssaddaaka y'ebyo by'awaayo olw'emirembe eneeiibwanga ku lunaku olw'okusatu, tekkirizibwanga, so teemubalirwanga oyo agiwaayo: enebanga ya muzizo, n'omwoyo ogunaagiryangako gunaabangako obubi bwe.
- 19 Era ennyama ekoma ku kintu kyonna ekitali kirongoofu teriibwanga; eneyokebwanga n'omuliro. N'ennyama eyo, buli mulongoofu anaagiryangako:
- 20 naye omwoyo ogunaalyanga ku nnyama eya ssaddaaka ey'ebiweebwayo

olw'emirembe, Mukama ye nannyini byo, ng'aliko obutali bulongoofu bwe, omwoyo ogwo gunaazikirizibwanga mu bantu be.

- 21 Era omuntu yenna bw'anaakomanga ku kintu ekitali kirongoofu, obutali bulongoofu bw'omuntu, oba ensolo eteri nnongoofu, oba eky'omuzizo kyonna ekitali kirongoofu, n'alya ku nnyama eya ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, Mukama ye nannyini byo, omwoyo ogwo gunaazikirizibwanga mu bantu be.
- 22 Mukama n'agamba Musa nti
- 23 Gamba abaana ba Isiraeri nti Temulyanga ku masavu, ag'ente, newakubadde ag'endiga, newakubadde ag'embuzi.
- 24 N'amasavu g'eyo efa yokka n'amasavu g'eyo etaagulwa ensolo ganaabanga ga mirimu mirala gyonna: naye okulya temugalyangako n'akatono,
- 25 Kubanga buli alya ku masavu g'ensolo, abantu gye bawaayo okuba ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama, omwoyo ogwo ogunaagalyangako gunaazikirizibwanga mu bantu be.
- 26 So temulyanga ku musaayi ogw'engeri yonna, bwe guba ogw'ennyonyi newakubadde ogw'ensolo, mu nnyumba zammwe zonna.
- 27 Buli muntu yenna anaalyanga ku musaayi gwonna, omwoyo ogwo gunaazikirizibwanga mu bantu be.
- 28 Mukama n'agamba Musa nti
- 29 Gamba abaana ba Isiraeri nti Awaayo ssaddaaka y'ebyo by'awaayo olw'emirembe eri Mukama anaaleetanga ekitone kye eri Mukama ssaddaaka y'ebyo by'awaayo olw'emirembe:
- 30 engalo ze yennyini zinaaleetanga ebiweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro; amasavu n'ekifuba anaabireetanga, ekifuba kiwuubibwewuubibwenga okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama.
- 31 Era kabona anaayokeranga amasavu ku kyoto: naye ekifuba kinaabanga kya Alooni n'abaana be.
- 32 N'ekisambi ekya ddyo munaakiwanga kabona okuba ekiweebwayo ekisitulibwa ku ssaddaaka z'ebyo bye muwaayo olw'emirembe.
- 33 Oyo ku baana ba Alooni awaayo omusaayi gw'ebiweebwayo olw'emirembe, n'amasavu, y'anaabanga n'ekisambi ekya ddyo okuba omugabo gwe.
- 34 Kubanga ekifuba ekiwuubibwawuubibwa n'ekisambi ekisitulibwa bye nziye ku baana ba Isiraeri ku ssaddaaka z'ebyo bye bawaayo olw'emirembe, n'embiwa Alooni kabona n'abaana be, okuba ebbanja emirembe gyonna eri abaana ba Isiraeri.
- 35 Ogwo gwe mugabo ogw'okufukibwako amafuta ogwa Alooni, n'omugabo ogw'okufukibwako amafuta ogw'abaana be, oguggibwa ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro, ku lunaku lwe yabaleeterako okuweereza Mukama mu bwakabona;
- 36 Mukama gwe yalagira okubawanga abaana ba Isiraeri; ku lunaku lwe yabafukirako amafuta. Linaabanga bbanja ennaku zonna mu mirembe gyabwe gyonna.
- 37 Eryo lye tteeka ery'ekiweebwayo ekyokebwa, ery'ekiweebwayo eky'obutta, n'ery'ekiweebwayo eky'ekibi, n'ery'ekiweebwayo olw'omusango; n'ery'okwawula, n'erya ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe;
- 38 Mukama lye yalagira Musa ku lusozi Sinaayi ku lunaku kwe yalagirira abaana ba Isiraeri okuwangayo ebitone byabwe eri Mukama mu ddungu lya Sinaayi.

Essuula 8

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Twala Alooni n'abaana be awamu naye, n'ebyambalo, n'amafuta ag'okufukako,

- n'ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume zombi, n'ekibbo ekirimu amigaati egitazimbulukuswa;
- 3 okuaanyize ekibiina kyonna ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
 - 4 Awo Musa n'akola nga Mukama bwe yamulagira; ekibiina ne kikuaanyizibwa ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
 - 5 Musa n'agamba ekibiina nti Kino kye kigambo Mukama kye yalagira okukola.
 - 6 Musa n'aleeta Alooni n'abaaaa be, n'abanaaza n'amazzi.
 - 7 N'amwambaza ekizibawo, n'amusiba olukoba, n'amwambaza omunagirow, n'amussaako ekkanzu, n'amusiba olukoba olw'ekkanzu olwalukibwa n'amagezi, n'aginyweza n'olwo.
 - 8 N'amussaako eky'oku kifuba: ne mu ky'oku kifuba yateeka Ulimu ne Sumimu.
 - 9 N'amutikkira enkuufiira ku mutwe; ne ku nkuufiira, mu maaso gaayo, n'assaako ekipande ekya zaabu, engule entukuvu; nga Mukama bwe yalagira Musa.
 - 10 Musa n'addira amafuta ag'okufukako, n'agafuka ku weema ne ku byonna ebyagirimu, n'abitukuza.
 - 11 N'amansirako ku kyoto emirundi musanvu, n'afuka ku kyoto n'ebintu byakyo byonna, n'eky'okunaabirangamu n'entobo yaakyo, okubitukuza.
 - 12 N'afuka ku mafuta ag'okufukako ku mutwe gwa Alooni, n'amufukako amafuta, okumutukuza.
 - 13 Musa n'aleeta abaana ba Alooni, n'abambaza ebizibawo, n'abasiba enkoba, n'abasi-bako ebiremba; nga Mukama bwe yalagira Musa.
 - 14 N'aleeta ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi: Alooni n'abaana be ne bateeka engalo zaabwe ku mutwe gw'ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi.
 - 15 N'agitta: Musa n'addira omusaayi, n'agusiiga ku mayembe g'ekyoto enjuyi zonna n'engalo ye, n'alongoosa ekyoto, n'ayiwa omusaayi ku ntobo y'ekyoto, n'akitukuza, okukitangirira.
 - 16 N'addira amasavu gonna agaali ku byenda, n'ekisenge eky'oku kibumba, n'ensigo zombi, n'amasavu gaazo, Musa n'agookera ku kyoto.
 - 17 Naye ente n'eddiba lyayo n'ennyama yaayo n'obusa bwayo n'abyokera n'omuliro ebweru w'olusiisira; nga Mukama bwe yalagira Musa.
 - 18 N'aleeta endiga ennume ey'ekiweebwayo ekyokebwa: Alooni n'abaana be ne bateeka engalo zaabwe ku mutwe gw'endiga.
 - 19 N'agitta: Musa n'amansira omusaayi ku kyoto enjuyi zonna.
 - 20 N'asala mu ndiga ebitundu, byayo; Musa n'ayokya omutwe, n'ebitundu, n'amasavu.
 - 21 N'anaaza ebyenda n'amagulu n'amazzi Musa n'ayokera endiga yonna ku kyoto: yali kiweebwayo ekyokebwa olw'evvumbe eddungi: yali kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama; nga Mukama bwe yalagira Musa.
 - 22 N'aleeta endiga ennume ey'okubiri, endiga ey'okwawula: Alooni n'abaana be ne bateeka engalo zaabwe ku mutwe gw'endiga.
 - 23 N'agitta; Musa n'atoola ku musaayi gwayo, n'agusiiga ku nsonda y'okutu kwa Alooni okwa ddyo, ne ku kinkumu ky'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'okugulu kwabwe okwa ddyo,
 - 24 N'aleeta abaana ba Alooni, Musa n'asiiga ku musaayi ku nsonda y'okutu kwabwe okwa ddyo, ne ku kinkumu eky'omukono gwabwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'okugulu kwabwe okwa ddyo: Musa n'amansira omusaayi ku kyoto enjuyi zonna.
 - 25 N'addira amasavu, n'omukira ogwa ssava, n'amasavu gonna agali ku byenda, n'ekisenge eky'oku kibumba, n'ensigo zombi, n'amasavu gaazo, n'ekisambi ekya ddyo:
 - 26 ne mu kibbo ekyalimu emigaati egitazimbulukuswa ekyali mu maaso ga Mukama n'aggyamu omugaati gumu ogutazimbulukuswa, n'omugaati gumu ogwasiigibwako

- amafuta, n'ogw'oluwewere gumu, n'agiteeka ku masavu, ne ku kisambi ekya ddyo:
- 27** n'ateeka byonna mu ngalo za Alooni ne mu ngalo z'abaana be, n'abiwuubawuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama.
- 28** Musa n'abiggya mu ngalo zaabwe, n'abyokera ku kyoto ku kiweebwayo ekyokebwa: byali bya kwawula olw'evvumbe eddungi: byali kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 29** Musa n'addira ekifuba, n'akiwuubawuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama: gwali mugabo gwa Musa ku ndiga ey'okwawula; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 30** Musa n'atoola ku mafuta ag'okufukako, ne ku musaayi ogwali ku kyoto, n'agumansira ku Alooni, ku byambalo bye, ne ku baana be, ne ku byambalo by'abaana be awamu naye; n'atukuza Alooni, ebyambalo bye, n'abaana be, n'ebyambalo by'abaana be awamu naye.
- 31** Musa n'agamba Alooni n'abaana be nti Mufumbire ennyama ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu: mugiriire eyo n'emigaati egiri mu kibbo eky'okwawula, nga bwe nnalagira nga njogera nti Alooni n'abaana be banaabiryanga.
- 32** Era ekinafikkawo ku nnyama ne ku migaati munaakyokya n'omuliro.
- 33** So temufulumanga mu mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu ennaku musanvu, okutuusa ennaku ez'okwawula kwammwe lwe zirituukirira: kubanga alibaawulira ennaku musanvu.
- 34** Nga bwe kikoledwa leero, bw'atyo Mukama bwe yalagira okukola, okubatangirira.
- 35** Era ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu gye mulimalira ennaku musanvu emisana n'ekiro, mwekuume ekiragiyo kya Mukama muleme okufa: kubanga bwe ntyo bwe nnalagirwa.
- 36** Alooni n'abaana be ne bakola byonna Mukama bye yalagira mu mukono gwa Musa.

Essuula 9

- 1** Awo olwatuuka ku lunaku olw'omunaana Musa n'ayita Alooni n'abaana be n'abakadde ba Isiraeri;
- 2** n'agamba Alooni nti Weetwalire ennyana ennume okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume okuba ekiweebwayo ekyokebwa, ezitaliiko bulema, oziweereyo mu maaso ga Mukama.
- 3** Era abaana ba Isiraeri onoobagamba nti mwetwalire embuzi ennume okuba ekiweebwayo olw'ekibi; n'ennyana n'omwana gw'endiga, ezaakamaze omwaka ogumu zombi, ezitaliiko bulema, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 4** n'ente n'endiga ennume okuba ebiweebwayo olw'emirembe, okuziwaayo mu maaso ga Mukama; n'ekiweebwayo eky'obutta ekitabuddwamu amafuta: kubanga leero Mukama anaabalabikira.
- 5** Ne baleeta ebyo Musa by'alagidde mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu: ekibiina kyonna ne kisementa ne kiyimirira mu maaso ga Mukama.
- 6** Musa n'ayogera nti Kino kye kigambo Mukama kye yalagira mukikole: n'ekitiibwa kya Mukama kinaabalabikira.
- 7** Musa n'agamba Alooni nti Semberera ekyoto, oweeyo ekyo ky'owaayo olw'ekibi n'ekyo ky'owaayo ekyokebwa, weetangirire wekka n'abantu: oweeyo ekitone eky'abantu obatangirire; nga Mukama bwe yalagira.
- 8** Awo Alooni n'asemberera ekyoto, n'atta ennyana ey'ekiweebwayo olw'ekibi, ekikyee ku bubwe.
- 9** Abaana ba Alooni ne bamuleetera omusaayi: n'annyika engalo ye mu musaayi, n'agusiiga ku mayembe g'ekyoto, n'ayiwa omusaayi ku ntoyo y'ekyoto,

- 10 naye amasavu n'ensigo n'ekisenge eky'oku kibumba eky'ekiweebwayo olw'ekibi, n'abyokera kn kyoto; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 11 N'ennyama n'eddiba n'ayokera n'omuliro ebweru w'olusiisira.
- 12 N'atta ekiweebwayo ekyokebwa; abaana ba Alooni ne bamuleetera omusaayi, n'agumansira ku kyoto enjuyi zonna.
- 13 Ne bamuleetera ekiweebwayo ekyokebwa, ebitundu ebitundu kinnakimu, n'omutwe: n'abyokera ku kyoto.
- 14 N'anaaza ebyenda n'amagulu, n'abyokera ku kiweebwayo ekyokebwa ku kyoto.
- 15 N'aleeta ekitone eky'abantu, n'addiru embuzi ey'ekiweebwayo olw'ekibi ekyali ku bw'abantu, n'agitta, n'agiwaayo olw'ekibi, nga n'eyolubereberye.
- 16 N'aleeta ekiweebwayo ekyokebwa, n'akiwaayo ng'ekiragiro bwe kyali.
- 17 N'aleeta ekiweebwayo eky'obutta, n'akitoolako okujjuza olubatu lwe, n'agyokera ku kyoto, era n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'enkya.
- 18 Era n'atta ente n'endiga ennume, ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, eyali ku bw'abantu: abaana ba Alooni ne bamuleetera omusaayi, n'agumansira ku kyoto enjuyi zonna,
- 19 n'amasavu g'ente: ne ku ndiga omukira ogwa ssava, n'agabikka ku byenda, n'ensigo n'ekisenge eky'oku kibumba:
- 20 amasavu ne bagateeka ku bifuba n'ayokera amasavu ku kyoto:
- 21 n'ebifuba n'ekisambi ekya ddyo Alooni n'abiuubawuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama; nga Musa bw'alagidde.
- 22 Awo Alooni n'ayimusa emikono gye eri abantu, n'abasabira omukisa; n'aserengeta ng'amaze okuwaayo ekiI weebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe.
- 23 Awo Musa ne Alooni ne bayingira mu weema ey'okusisinkanirangamu, ne bafuluma, ne basabira abantu omukisa: awo ekitiibwa kya Mukama ne kirabikira abantu bonna.
- 24 Omuliro ne guva eri Mukama mu maaso ge, ne gwokera ku kyoto ekiweebwayo ekyokebwa n'amasavu: awo abantu bonna bwe baagulaba ne boogerera waggulu ne bavuunama amaaso gaabwe.

Essuula 10

- 1 Awo Nadabu ne Abiku, abaana ba Alooni ne baddiru ebyoterezo buli muntu ekikye, n'ateeka omwo omuliro, n'assaako eby'okwoteza, n'awaayo omuliro omulala mu maaso ga Mukama, gw'atalagiranga.
- 2 Omuliro ne guva eri Mukama mu maaso ge, ne gubookya, ne bafira mu maaso ga Mukama.
- 3 Awo Musa n'alyoka agamba Alooni nti Kino kye kiikyo Mukama kye yayogera nti Naatukulizibwanga mu abo abansemberera, era mu maaso g'abantu bonna naagulumizibwanga. Alooni ne yeesirikira.
- 4 Musa n'ayita Misaeri ne Erizafani, abaana ba Wuziyeeri kojja wa Alooni, n'abagamba nti Musebere, musitule baganda bammwe okubaggya mu maaso g'awatukuvu mubatwale ebweru w'olusiisira.
- 5 Awo ne basembera, ne babasitula nga bambadde ebizibawo byabwe ne babatwala ebweru w'olusiisira; nga Musa bw'ayogedde.
- 6 Musa n'agamba Alooni ne Eriyazaali ne Isamaali, batabani be, nti Temusumulula nviiri za ku mitwe gyammwe, so temuyuzza byambalo byammwe; muleme okufa, era aleme okusunguwalira ekibiina kyonna: naye baganda bammwe, ennyumba ya Isiraeri yonna, bakaabire okwokya Mukama kw'ayokezza.
- 7 So temufuluma mu mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, muleme okufa:

kubanga amafuta ga Mukama ag'okufukako gali ku mmwe. Ne bakola ng'ekigambo kya Musa bwe kyali.

- 8** Mukama n'agamba Aloonu nti
- 9** Tonywanga ku mwenge newakubadde ekitamiiza, ggwe newakubadde abaana bo awamu naawe, bwe munaayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu, muleme okufa: linaabanga tteeka eritajjulukuka mu mirembe gyammwe gyonna
- 10** era mulyoke mwawulengamu ebitukuvu n'ebitali bitukuvu, n'ebirongoofu n'ebitali birongoofu;
- 11** era mulyoke muyigirize abaana ba Isiraeri amateeka gonna Mukama ge yababuulirira mu mukono gwa Musa.
- 12** Musa n'agamba Aloonu ne Eriyazaali ne Isamaali abaana be abaasigalawo nti Mutwale ekiweebwayo eky'obutta ekisigaddewo ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro, mugiriire awatali kizimbulukusa ku mabbali g'ekyoto: kubanga kye kitukuvu ennyo:
- 13** era munaagiriira mu kifo ekirukuvu, kubanga lye bbanja lyo, era bbanja lya baana bo, ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro: kubanga bwe ntyo bwe nnalagirwa.
- 14** N'ekifuba ekiwuubibwawuubibwa n'ekisambi ekisitulibwa munaabiriira mu kifo ekirongoofu; ggwe ne batabani bo ne bawala bo awamu naawe: kubanga biweebwa gy'oli okuba ebbanja lyo, era ebbanja ly'abaana bo, ku ssaddaaka z'ebyo abaana ba Isiraeri bye bawaayo olw'emirembe.
- 15** Ekisambi ekisitulibwa n'ekifuba ekiwuubibwawuubibwa banaabireeteranga wamu n'ebiweebwayo ebikolebwa n'omuliro eby'amasavu, okubiwuubawuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama: era binaabanga bibyo, era bya baana bo awamu naawe, okuba ebbanja emirembe gyonna; nga Mukama bwe yalagira.
- 16** Musa n'anoonyeza ddala embuzi ey'ekiweebwayo olw'ekibi, era, laba, ng'eyokeddwa: n'asunguwalira Eriyazaali ne Isamaali abaana ba Aloonu abaasigalawo ng'ayogera nti
- 17** Ekibalobedde okuliira ekiweebwayo olw'ekibi mu kifo eky'awatukuvu kiki, kubanga kitukuvu nnyo, era yakibawa okusitula obubi bw'ekibiina, okubatangirira mu manso ga Mukama?
- 18** Laba, omusaayi gwakyo teguleeteddwa mu watukuvu munda; temwandiremye kugiriira mu watukuvu, nga bwe ndagidde.
- 19** Awo Aloonu n'agamba Musa nti Laba, leero bawaddeyo ekyo kye bawaayo olw'ekibi n'ekyo kye bawaayo ekyokebwa mu maaso ga Mukama; era bimbaddeko ebighambo ebyenkanidde wano: era singa ndidde ekiweebwayo olw'ekibi leero, kyandibadde kirungi nnyo mu maaso ga Mukama?
- 20** Kale Musa bwe yawulira, n'ekiba kirungi nnyo mu maaso ge.

Essuula 11

- 1** Mukama n'ayogera ne Musa ne Aloonu ng'abagamba nti
- 2** Mugambe abaana ba Isiraeri nti Bino bye biamu bye munaalyanga ku nsolo zonna eziri ku nsi.
- 3** Buli ekyawulamu ekinuulo, era ekirina ekigere ekyaseemu, era ekizza obwenkulumu, mu nsolo, ekyo kye munalyanga.
- 4** Naye bino bye mutalyanga ku ebyo ebizza obwenkulumu oba ku ebyo ebyawulamu ekinuulo: eamira, kubanga ezza obwenkulumu naye teyawulamu kinuulo, eyo si nnongoofu gye muli.
- 5** N'omusu kubanga guzza obwenkulumu naye tegwawulamu kinuulo, ogwo si mulongoofu gye muli.

- 6 N'akamyu, kubanga kazza obwenkulumu naye tekaawulamu kinuulo, ako si kalongoofu gye muli.
- 7 N'embizzi kubanga eyawulamu ekinuulo era erina ekigere ekyaseemu, naye tezza bwenkulumu, eyo si nnongoofu gye muli.
- 8 Ku nnyama yaazo temulyangako, so n'emirambo gyazo temugikomangako; si nnongoofu gye muli.
- 9 Bino bye munaalyanga ku byonna ebiri mu mazzi: buli ekirina amaggwa n'amagamba mu mazzi, mu nnyanja ne mu migga, ebyo bye munaalyanga.
- 10 Era buli ekitalina maggwa na magamba mu nnyanja ne mu migga, ku byonna ebitambulira mu mazzi ne ku biramu byonna ebiri mu mazzi, bya muzizo gye muli,
- 11 era binaabanga bya muzizo gye muli; temulyanga ku nnyama yaabyo, n'emirambo gyabyo munaagiyitanga gya muzizo.
- 12 Buli ekitalina maggwa newakubadde amagamba mu mazzi, ekyo kya muzizo gye muli.
- 13 Na bino bye munaayitanga eby'omuzizo ku nnyonyi; tebiriibwanga, bya muzizo: ennunda, n'empungu, ne makwanzi;
- 14 ne kamunye, n'eddiirawamu n'engeri yaalyo;
- 15 buli namuona n'engeri yaabo;
- 16 ne maaya, n'olubugabuga, n'olusove, n'enkambo n'engeri yaayo;
- 17 n'ekiwugulu, n'enkobyokkoobyo, n'ekufufu;
- 18 n'ekiwugulu eky'amatu, ne kimbala, n'ensega;
- 19 ne kasida, ne mpaabaana n'engeri ye, n'ekkookotezi, n'ekinyira.
- 20 Ebyewalula byonna ebirina ebiwaawaatiro ebitambuza amagulu ana bya muzizo gye muli.
- 21 Naye bino bye muyinza okulya ku byonna ebyewalula ebirina ebiwaawaatiro ebitambuza amagulu ana, ebirina amagulu waggulu ku bigere byabyo, okugabuusa ku nsi;
- 22 bino bye muyinza okulya ku ebyo enzige n'engeri yaayo, n'enseenene n'engeri yaayo, n'akanyeenenkule n'engeri yaako, n'ejjanzi n'engeri yaalyo.
- 23 Naye ebyewalula byonna ebirina ebiwaawaatiro, ebirina amagulu ana, bya muzizo gye muli.
- 24 Na bino bye binaabafuulanga abatali balongoofu: buli anaakomanga ku mulambo gwabyo anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi
- 25 era buli asitula ku mulambo gwabyo anaayozanga engoye ze, era anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 26 Buli nsolo eyawulamu ekinuulo, so nga terina kigere kyaseemu, so tezza bwenkulumu, si noongoofu gye muli: buli anaazikomangako anaabanga atali mulongoofu.
- 27 Era buli etambuza ebibatu byayo ku nsolo zonna ezitambuza amagulu ana, ezo si nnongoofu gye muli: buli anaakomanga ku mulambo gwazo anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 28 Era oyo asitula omulambo gwazo anaayozanga engoye ze, era anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi: ezo si nnongoofu gye muli.
- 29 Na bino bye bitali birongoofu gye muli ku byewalula ebyewalula ku nsi; eggunju, n'emmesse, n'ekkonkomi eddene n'engeri yaalyo,
- 30 ne anaka, n'enswaswa, n'omunya, n'ekkonkomi, ne nnawolovu.
- 31 Ebyo bye bitali birongoofu gye muli ku ebyo byonna ebyewalula: buli anaabikomangako, nga bifudde, anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 32 Era ekintu kyonna ekinaagwibwangako kyonna kyonna ku byo, nga bifudde, kinaabanga ekitali kirongoofu; bwe kibanga ekintu kyonna eky'omuti, oba kyambalo, oba ddiba, oba nsawo, oba kintu kyonna kyonna, ekikoza omulimu gwonna, kikigwaniranga okuteekebwa mu mazzi, era kinaabanga ekitali kirongoofu okutuusa

akawungeezi; ne kiryoka kiba ekirongoofu.

- 33 Na buli kintu eky'ebbumba, ekinaagwibwangamu kyonna kyonna ku byo, ekibanga mu kyo kyonna kinaabanga ekitali kirongoofu, nakyo munaakyasanga.
- 34 Eky'okulya kyonna ekirimu ekiriika, ekiyinza okufukibwako amazzi, kinaabanga ekitali kirongoofu: na buli kya kunywa ekinaaywebwanga mu buli kintu (ekiri bwe kityo) kinaabanga ekitali kirongoofu.
- 35 Era buli kintu ekinaagwibwangako ekitundu kyonna eky'omulambo gwabyo kinaabanga ekitali kirongoofu; oba kabiga, oba amasiga g'entamu, kinaamenyebwamenyebwanga: si birongoofu, era binaabanga ebitali birongoofu gye muli.
- 36 Naye oluzzi oba obunnya omuli amazzi agakuaanyizibwa kinaabanga ekirongoofu: naye ekinaakomanga ku mulambo gwabyo kinaabanga ekitali kirongoofu.
- 37 Era oba nga ku mulambo gwabyo kugwa ku nsigo yonna ey'okusiga egenda okusigibwa, yo eneebanga nnongoofu.
- 38 Naye oba ng'amazzi gafukibwa ku nsigo, ne ku mulambo gwabyo ne kugwa okwo, nga si nnongoofu gye muli.
- 39 Era oba ng'ensolo yonna, gye muyinza okulyako, efa; akoma ku mulambo gwayo anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 40 N'oyo anaalyanga ku mulambo gwayo anaayozanga engoye ze era anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi: era n'oyo anaasitulanga omulambo gwayo anaayozanga engoye ze era anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 41 Na buli ekyewalula ekyewalula ku nsi kya muzizo; tekiriibwanga.
- 42 Buli ekitambuza olubuto, na buli ekitambuza amagulu ana, oba buli ekirina amagulu amangi, buli ebyewalula ku nsi, ebyo temubiryanga; kubanga bya muzizo.
- 43 Temwegwagwawazanga na kyewalula kyonna, so temwefuulanga nabyo abatali balongoofu, mubeere n'empitambi bwe mutyo.
- 44 Kubanga nze Mukama Katonda wammwe: kale mwetukuzenga, mubeerenga abatukuvu; kubanga nze ndi mutukuvu: so temwereeteranga mpitambi olw'engeri yonna ey'ekyewalula ekitambula ku nsi.
- 45 Kubanga nze ndi Mukama eyabalinyisa okuva mu nsi y'e Misiri, okuba Katonda wammwe, kale mmwe munaabanga abatukuvu: kubanga nze ndi mutukuvu.
- 46 Erya lye tteeka ery'ensolo n'ery'ennyonyi n'erya buli kitonde ekiramu ekitambula mu mazzi, n'erya buli kitonde ekyewalula ku nsi:
- 47 okwawulamamu ebitali birongoofu n'ebirongoofu, n'ekiramu ekiriika n'ekiramu ekitali-ika.

Essuula 12

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Gamba abaana ba Isiraeri nti Omukazi bw'anaabanga olubuto n'azaala omwana ow'obulenzi, kale omukazi oyo anaabanga atali mulongoofu ennaku musanvu; nga bw'abeera mu nnaku ez'okweyawula kw'endwadde ye, bw'atyo bw'anaabanga atali mulongoofu.
- 3 Awo ku lunaku olw'omunaana omubiri gw'ekikuta kye gunaakomolwanga.
- 4 Era omukazi anaamalanga ennaku asatu mu ssatu mu musaayi ogw'okutukuzibwa kwe; takomanga ku kintu ekitukuvu, so tayingiranga mu kifo ekitukuvu, okutuusa ennaku ez'okutukuzibwa kwe lwe ziriggwa.
- 5 Naye bw'anaazaalanga omwana ow'obuwala, kale anaabanga atali mulongoofu ssabiiti bbiri, nga bw'abeera mu kweyawula kwe; era anaamalanga ennaku nkaaga mu mukaaga mu musaayi ogw'okutukuzibwa kwe.
- 6 Awo ennaku ez'okutukuzibwa kwe bwe ziggwanga; ez'ow'obulenzi, oba za wa

buwala, anaaleetanga omwana gw'endiga ogw'omwaka ogw'olubereberye okuba ekiweebwayo ekyokebwa, n'ejjiba etto, oba kaamukuukulu, okuba ekiweebwayo olw'ekibi, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, eri kabona:

- 7 kale anaagiwangayo mu maaso ga Mukama, n'amutangirira; kale anaalongoosebwanga mu nsulo y'omusaayi gwe. Eryo lye tteeka ly'omukazi azaala, oba wa bulenzi oba wa buwala.
- 8 Era mu bintu bye bw'ataayinzenga kuleeta mwana gwa ndiga, kale anaatwalanga bakaamukuukulu babiri, oba amayiba amato abiri; erimu okuba ekiweebwayo ekyokebwa, n'eddala okuba ekiweebwayo olw'ekibi: era kabona anaamutangiriranga era anaabanga mulongoofu.

Essuula 13

- 1 Era Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 2 Omuntu bw'anaabanga n'ekizimba oba kikuta oba mbalabe erungudde ku ddiba ly'omubiri gwe, ne kifuuka endwadde y'ebigenge ku ddiba ly'omubiri gwe, kale anaaleetebwanga eri Alooni kabona, oba eri omu ku baana be bakabona:
- 3 kale kabona anaakeberanga endwadde eri ku ddiba ly'omubiri: era obwoya obuli awali endwadde bwe buba nga bufuuse obweru, n'ekifaananyi ky'endwadde nga kifulumye wansi w'eddiba ly'omubiri gwe, nga ye ndwadde y'ebigenge: awo kabona anaamukeberanga, n'amwatulira nga si mulongoofu.
- 4 Era embalabe erungudde bw'ebanga enjeru ku ddiba ly'omubiri gwe, n'ekifaananyi kyayo nga tekifulumye wansi w'eddiba, n'obwoya bwawo nga tebufuuse bweru, kale kabona anaasibiranga ow'endwadde ennaku musanvu:
- 5 awo kabona alimukebera ku lunaku olw'omusanvu: kale, laba, bw'anaalabanga ng'endwadde ekomye awo; n'endwadde nga tebunye ku ddiba, awo kabona anaamusibiranga ennaku musanvu endala:
- 6 awo kabona alimukebera nate ku lunaku olw'omusanvu: kale, laba, endwadde bw'eba nga tekyalabika nnyo, n'endwadde nga tebunye ku ddiba, kale kabona anaamwatuliranga nga mulongoofu: nga kye kikuta: kale anaayozanga engoye ze, n'aba mulongoofu
- 7 Naye ekikuta bwe kinaabunanga ku ddiba, ng'amaze okweraga eri kabona olw'okulongoosebwa kwe, aneeraganga nate eri kabona:
- 8 kale kabona anaakeberanga, era, laba, ekikuta bwe kinaabanga kibunye ku ddiba, awo kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: nga bye bigenge.
- 9 Endwadde y'ebigenge bw'ebanga ekutte omuntu, awo anaaleetebwanga eri kabona;
- 10 kabona n'akebera, kale, laba, ekizimba ekyeru bwe kinaabanga ku ddiba, era nga kifudde obwoya okuba obweru, era ennyama enjere ennamu ng'eri awali ekizimba,
- 11 nga bye bigenge eby'edda ku ddiba ly'omubiri gwe, era kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: tamusibanga; kubanga oyo si mulongoofu.
- 12 Era ebigenge bwe bifutuukanga ku ddiba, ebigenge ne bibuna eddiba lyonna ery'omulwadde okuva ku mutwe okutuusa ku bigere, okulaba kwonna kabona kw'anaalabanga;
- 13 kale kabona anaakeberanga: awo, laba, ebigenge bwe binaabanga kibunye omubiri gwe gwonna, anaamwatuliranga omulwadde nga mulongoofu: byonna bifuuse okuba ebyeru: oyo mulongoofu.
- 14 Naye ennyama enjere bw'eneerabikanga ku ye, anaabanga atali mulongoofu.
- 15 Awo kabona anaakeberanga ennyama enjere, n'amwatulira nga si mulongoofu: ennyama enjere si nnongoofu: bye bigenge.
- 16 Oba ennyama enjere bw'ekyukanga nate n'efuuka okuba enjeru, kale anajjanga eri

kabona,

- 17 kabona n'amukebera: era, laba, endwadde bw'ebanga efuuse okuba enjeru, kale kabona anaamwatuliranga omulwadde nga mulongoofu: oyo mulongoofu.
- 18 Era omubiri bwe gunaabangako ejjute ku ddiba lyagwo, nalyo nga lyawona,
- 19 n'awaali ejjute ne wabaawo ekizimba ekyeru, oba mbalabe erungudde, enjeruyerera emmyufumyufu, kale kinaalagibwanga kabona;
- 20 awo kabona anaakeberanga, era, laba, ekifaananyi kyakyo bwe kinaabanga nga kifulumye wansi w'eddiba, n'obwoya bwawo nga bufuuse okuba obweru, kale kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: ye ndwadde y'ebigenge, efulumye mu jjute.
- 21 Naye kabona bw'anaakikeberanga, era, laba, nga temuli bwoya bweru, so nga tekifulumye wansi w'eddiba, naye nga tekirabika bulungi, awo kabona anaamusibiranga ennaku musanvu:
- 22 awo bwe kinaabunanga ku ddiba, awo kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: eyo ye ndwadde:
- 23 Naye embalabe erungudde bw'eneekomanga awo, era nga tebunye, eyo nga ye enkovu ey'ejjute; awo kabona anaamwatuliranga nga mulongoofu.
- 24 Oba omubiri bwe gunaabangako okwokebwa n'omuliro ku ddiba lyagwo, ennyama ennamu eyokeddwa n'efuuka okuba embalabe erungudde, enjeruyerera emmyufumyufu, oba njeru;
- 25 awo kabona anaagikeberanga: era, laba, obwoya obw'omu mbalabe erungudde bwe bunaabanga bufuuse okuba obweru, n'ekifaananyi kyayo nga kifulumye wansi w'eddiba; bino bye bigenge, byafuluma awaayokebwa: kale kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: nga ye ndwadde y'ebigenge.
- 26 Naye kabona bw'anaagikeberanga, era, laba, nga tewali bwoya bweru awali embalabe erungudde, so nga tefulumye wansi w'eddiba, naye nga terabika bulungi; kale kabona anaamusibiranga ennaku musanvu:
- 27 kale kabona alimukebera ku lunaku olw'omusaavu: bw'eneebunanga ku ddiba, kale kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: nga ye ndwadde y'ebigenge.
- 28 Era embalabe erungudde bw'eneekomanga awo, nga tebunye ku ddiba, era nga terabika bulungi; nga kye kizimba eky'okwokebwa, era kabona anaamwatuliranga nga mulongoofu: kubanga eyo ye nkovu ey'okwokebwa.
- 29 Era omusajja oba mukazi bw'anaabanga n'endwadde ku mutwe oba ku kirevu,
- 30 kale kabona anaakeberanga endwadde: awo, laba, ekifaananyi kyayo bwe kinaabanga nga kifulumye wansi w'eddiba, era nga mulimu enviiri eza kyenvu ez'entalaaga, kale kabona anaamwatuliranga nga si mulongoofu: ekyo kye kikakampa, bye bigenge eby'oku mutwe oba eby'oku kirevu.
- 31 Era kabona bw'anaakeberanga endwadde ey'ekikakampa, era, laba, ekifaananyi kyayo nga tekifulumye wansi w'eddiba, so nga tewali nviiri nzirugavu, kale kabona anaamusibiranga omulwadde w'ekikakampa ennaku musanvu:
- 32 awo ku lunaku olw'omusanvu kabona alikebera endwadde: era laba, ekikakampa bwe kinaabanga nga tekibunye, so nga tewali nviiri za kyenvu, n'ekifaananyi ky'ekikakampa nga tekifulumye wansi w'eddiba,
- 33 kale anaamwebwanga, naye ekikakampa takimwanga; era kabona anaasibiranga omulwadde w'ekikakampa ennaku musanvu endala:
- 34 awo ku lunaku olw'omusanvu kabona alikebera ekikakampa: kale, laba, ekikakampa bwe kinaabanga nga tekibunye ku ddiba, n'ekifaananyi kyakyo nga tekifulumye wansi w'eddiba; awo kabona anaamwatuliranga nga mulongoofu: kale anaayozanga engoye ze, n'aba mulongoofu.
- 35 Naye ekikakampa bwe kinaabunanga ku ddiba ng'amaze okulongoosebwa;
- 36 awo kabona anaamukeberanga: era, laba, ekikakampa bwe kinaabanga kibunye ku

- ddiba, kabona tanoonyanga nviiri za kyenvu; oyo si mulongoofu.
- 37** Naye bw'anaalabanga ng'ekikakampa kikomye awo, n'enviiri enzirugavu nga zimezeewo; ekikakampa nga kiwonye, oyo mulongoofu: kale kabona anaamwatuliranga nga mulongoofu.
- 38** Era omusajja oba mukazi bw'anaabanga n'embalabe ezirungudde ku ddiba ly'omubiri gwabwe, ze mbalabe ezirungudde enjeru;
- 39** kale kabona anaakeberanga: awo, laba, embalabe ezirungudde eziri ku ddiba ly'omubiri gwabwe bwe zinaabanga enjeruyeru; nga bwe butulututu, nga bufulumye mu ddiba; oyo mulongoofu.
- 40** Era omusajja bw'anaabanga akuunyuuse enviiri ez'oku mutwe gwe, oyo nga wa kiwalaata; (naye) mulongoofu.
- 41** Era bw'anaabanga akuunyuuse enviiri ez'omu kawumpo, nga wa kiwalaata kya mu kawumpo; naye nga mulongoofu.
- 42** Naye endwadde enjeruyeru era emmyufumyufu bw'eneebanga ku mutwe ogw'ekiwalaata oba mu kawumpo ak'ekiwalaata; ebyo bye bigenge ebifuluma mu mutwe gwe ogw'ekiwalaata oba mu kawumpo ke ak'ekiwalaata.
- 43** Awo kabona anaamukeberanga: kale, laba, ekizimba eky'endwadde bwe kinaabanga ekyeruyeru era ekimyufumyufu ku mutwe gwe ogw'ekiwalaata, oba mu kawumpo ke ak'ekiwalaata, ng'ekifaananyi ky'ebigenge bwe kiri ku ddiba ly'omubiri;
- 44** oyo nga wa bigenge, si mulongoofu: kabona talemanga kumwatulira nga si mulongoofu; endwadde ng'eri ku mutwe gwe.
- 45** Era omugenge alina endwadde, engoye ze zinaabanga enjulifuyulifu, n'enviiri ez'oku mutwe gwe tazisibangako, era anaabikkanga ku mumwa gwe ogw'engulu, era anaayogereranga waggulu nti Siri mulongoofu, siri mulongoofu.
- 46** Ennaku zonna endwadde ng'ekyali ku ye anaabanga atali mulongoofu; si mulongoofu: anaabeeranga yekka; ennyumba ye eneebanga bweru wa lusiisira.
- 47** Era n'ekyambalo ekiriko endwadde y'ebigenge, oba kyambalo kya byoya bya ndiga oba kyambalo kya bafuta;
- 48** bwe bibanga ku wuuzi ez'obusimba oba ku z'obukiika; oba kya bafuta oba kya byoya; bwe bibanga ku ddiba oba ku kintu ekikolebwa n'eddiba;
- 49** endwadde bw'eneebanga eya nnawandagala oba emmyufumyufu ku kyambalo, oba ku ddiba, oba ku wuuzi ez'obusimba, oba ku z'obukiika, oba ku kintu kyonna eky'eddiba; eyo nga ndwadde ya bigenge, era eneeragibwanga kabona:
- 50** awo kabona anaakeberanga endwadde, n'asibira ekiriko endwadde ennaku musanvu:
- 51** kale alikebera endwadde ku lunaku olw'omusanvu: endwadde bw'eneebanga ebunye ku kyambalo, oba ku wuuzi ez'obusimba, oba ku z'obukiika, oba ku ddiba, omulimu gwonna eddiba gwe likola; endwadde nga bigenge ebirya; nga si kirongoofu.
- 52** Awo anaayokyanga ekyambalo, oba wuuzi za busimba, oba za bukiika, oba ng'eri mu byoya oba mu bafuta, oba mu kintu kyonna eky'eddiba, omuli endwadde: kubanga ebyo bye bigenge ebirya; kinaayokebwanga mu muliro.
- 53** Era kabona bw'anaakeberanga, kale, laba, endwadde nga tebunye mu kyambalo, newakubadde mu wuuzi ez'obusimba, newakubadde mu z'obukiika, newakubadde mu kintu kyonna eky'eddiba;
- 54** kale kabona anaalagiranga booze ekintu ekirimu endwadde, n'akisibira ennaku musanvu endala:
- 55** awo kabona anaakeberanga, endwadde ng'emaze okwozebwa: kale, laba, endwadde bw'eneebanga tekyusizza bbala lyayo, era endwadde nga tebunye, ekyo nga si kirongoofu; onookyokyanga mu muliro: eyo ye ndwadde erya, okukuubuuka bwe kunaabanga munda oba kungulu.
- 56** Era kabona bw'anaakeberanga, era, laba, endwadde nga terabika bulungi ng'emaze

okwozebwa, kale anaagiyuzanga okugiggya mu kyambalo oba mu ddiba, oba mu wuuzi ez'obusimba, oba mu z'obukiika:

- 57 era bw'eneebanga ekyalabika mu kyambalo, oba mu wuuzi ez'obusimba, oba mu z'obukiika, oba mu kintu kyonna eky'eddiba, ng'efuutuuka: onooyokyanga n'omuliro ekyo ekirimu endwadde.
- 58 N'ekyambalo oba wuuzi ez'obusimba, oba ez'obukiika, oba kintu kyonna eky'eddiba nga bwe kinaabanga, ky'onooyozanga, endwadde bw'eneebanga ebivuddemu, kale ne kiriyoka kyozebwanaga omulundi ogw'okubiri, ne kiba kirongoofu.
- 59 Eryo lye tteeka ery'endwadde y'ebigenge mu kyambalo eky'ebyoya oba mu kya bafuta, oba mu wuuzi ez'obusimba, oba mu z'obuliika, oba mu kintu kyonna eky'eddiba, okukyatuliranga nga kirongoofu, oba okukyatuliranga nga si kirongoofu.

Essuula 14

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Lino lye linaabanga etteeka ly'omugenge ku lunaku olw'okulongoosebwa kwe: anaaleetebwanga eri kabona:
- 3 awo kabona anaafulumanga mu lusiisira; kabona n'akebera, kale, laba, endwadde y'ebigenge bw'eneebanga ewonye ku mugenge;
- 4 kale kabona anaalagiranga okutwalira oyo agenda okulongoosebwa ennyonyi bbiri ennongoofu ennamu, n'omuti omwerezi, n'olugoye olumyufu, n'ezobu:
- 5 awo kabona anaalagiranga okuttako emu ku nnyonyi mu kintu ky'ebbumba ku mazzi agakulukuta:
- 6 n'ennyonyi ennamu anaagiddiranga n'omuti omwerezi n'olugoye olumyufu n'ezobu, n'annyika ebyo n'ennyonyi ennamu mu musaayi gw'ennyonyi ettiddwa ku mazzi agakulukuta:
- 7 awo anaamansiranga ku oyo agenda okulongoosebwako ebigenge emirundi musanvu, n'amwatulira nga mulongoofu, n'ateera ennyonyi ennamu mu ttale mu bbanga.
- 8 N'oyo agenda okulongoosebwa anaayozanga engoye ze, n'amwa enviiri ze zonna, n'anaaba mu mazzi, kale anaabanga mulongoofu: oluvannyuma n'alyoka ayingira mu lusiisira, naye anaamalanga ennaku musanvu ng'ali bweru w'eweema ye.
- 9 Awo olunaatuukanga ku lunaku olw'omusanvu, anaamwanga enviiri ze zonna okuziggya ku mutwe gwe n'ebirevu bye n'ebisige bye, enviiri ze zonna anaazimwanga: era anaayozanga engoye ze, n'anaaba omubiri gwe mu mazzi, kale anaabanga mulongoofu.
- 10 Awo ku lunaku olw'omunaana anaddiranga abaana b'endiga abalume babiri abataliiko bulema, n'omwana gw'endiga omuluusi ogumu ogwakamaze omwaka ogumu ogutaliiko bulema, n'ebitundu bisatu eby'ekkumi eby'obutta obulungi okuba ekiweebwayo eky'obutta, obutabuddwamu amafuta, n'ekibya kimu eky'amaafuta.
- 11 Ne kabona amulongoosa anaateekanga omuntu agenda okulongoosebwa n'ebintu ebyo mu maaso ga Mukama, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu:
- 12 awo kabona anaddirangako gumu ku baana b'endiga omulume, n'aguwaayo okuba ekiweebwayo olw'omusango n'ekibya eky'amaafuta, n'abiuuba okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa mu maaso ga Mukama.
- 13 anattirwanga omwana gw'endiga omulume mu kifo mwe battira ekiweebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo ekyokebwa, mu kifo ekiri mu kifo ekitukuvu: kubanga ekiweebwayo olw'ekibi nga bwe kiri ekya kabona, ekiweebwayo olw'omusango bwe kiri bwe kiti: ekyo kitukuvu nnyo;
- 14 kale kabona anaddiranga ku musaayi gw'ekiweebwayo olw'omusango, kabona n'aguteeka ku nsonda y'okutu okwa ddyo okw'oyo agenda okulongoosebwa, ne ku

kinkumu eky'oku mukono gwe ogwa ddyo, ne ku kisajja eky'okukigere kye ekya ddyo:

- 15 kale kabona anaddiranga ku kibya ky'amafuta, n'agafuka mu kibatu eky'omukono gwe ye ogwa kkono:
- 16 awo kabona anannyikanga olunwe lwe olwa ddyo mu mafuta agali mu mukono gwe ogwa kkono, n'amansira ku mafuta n'olunwe lwe emirundi musanvu mu maaso ga Mukama:
- 17 ne ku mafuta agasigalawo agali mu mukono gwe kabona anaagateekanga ku nsonda y'okutu okwa ddyo okw'oyo agenda okulongoosebwa, ne ku kinkumu eky'oku mukono gwe ogwa ddyo, ne ku kisajja eky'oku kigere kye ekya ddyo, ku musaayi gw'ekiweebwayo olw'omusango:
- 18 n'amafuta agasigalawo agali mu mukono gwa kabona anaagateekanga ku mutwe gw'oyo agenda okulongoosebwa: era kabona anaamutangiriranga mu maaso ga Mukama.
- 19 Era kabona anaawangayo ekiweebwayo olw'ekibi, n'atangirira oyo agenda okulongoosebwa olw'obutali bulongoofu bwe: oluvannyuma n'alyoka atta ekiweebwayo ekyokebwa:
- 20 era kabona anaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'obutta ku kyoto: era kabona anaamutangiriranga, kale anaabanga mulongoofu.
- 21 Era bw'anaabanga omwavu n'atayinza kufuna ebyenkana awo, kale anaddiranga omwana gw'endiga ogumu omulume okuba ekiweebwayo olw'omusango okuwuubibwa, okumutangirira, n'ekitundu kimu eky'ekkumi eky'obutta obulungi obutabudwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta, n'ekibya ky'amafuta;
- 22 ne bakaamukuukulu babiri oba amayiba amato abiri, nga bw'anaayinzanga okufuna; erimu linaabanga ekiweebwayo olw'ekibi n'eddala ekiweebwayo ekyokebwa.
- 23 Ne ku lunaku olw'omunaana anaagaleeteranga kabona olw'okulongoosebwa kwe, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, mu maaso ga Mukama.
- 24 Awo kabona anaddiranga omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo olw'omusango, n'ekibya ky'amafuta, kabona n'abiwuuba mu maaso ga Mukama okuba ekiweebwayo ekiwuubibwa:
- 25 n'atta omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo olw'omusango, kabona n'atoola ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango, n'aguteeka ku nsonda y'okutu okwa ddyo okw'oyo agenda okulongoosebwa, ne ku kinkumu eky'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kisajja eky'oku kigere kye ekya ddyo:
- 26 awo kabona anaafukanga ku mafuta mu kibatu ky'omukono gwe ye ogwa kkono:
- 27 kabona n'amansira n'olunwe lwe olwa ddyo ku mafuta agali mu mukono gwe ogwa kkono emirundi musanvu mu maaso ga Mukama:
- 28 kabona n'atoola ku mafuta agali mu mukono gwe n'agateeka ku nsonda y'okutu okwa ddyo okw'oyo agenda okulongoosebwa, ne ku kinkumu eky'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kisajja eky'oku kigere kye ekya ddyo, mu kifo eky'omusaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango:
- 29 n'amafuta agasigalawo agali mu mukono gwa kabona anaagateekanga ku mutwe gw'oyo agenda okulongoosebwa, akumutangirira mu maaso ga Mukama.
- 30 Era anaawangayo ku bakaamukuukulu omu, oba ku mayiba amato limu, nga bw'anaayinzanga okufuna;
- 31 nga bw'anaayinzanga okufuna, erimu lya kiweebwayo otw'ekibi, n'eddala lya kiweebwayo ekyokebwa, awamu n'ekiweebwayo eky'obutta: era kabona anaatangiriranga oyo agenda okulongoosebwa mu maaso ga Mukama.
- 32 Eryo lye tteeka ly'oyo aliko endwadde y'ebigenge, atayinza kufuna bya kulongoosebwa kwe.

- 33 Era Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 34 Bwe muliba nga mutuuse mu nsi ya Kanani, gye mbawa okuba obutaka, bwe nnaateekanga endwadde y'ebigenge mu nnyumba ey'omu nsi ey'obutaka bwammwe;
- 35 awo nannyini nnyumba anajjanga n'abuulira kabona nti Ennyumba efaanana gye ndi okubaamu endwadde:
- 36 kale kabona anaalagiranga okumalamu ebintu mu nnyumba, kabona nga tannaba kuyingira kulaba ndwadde, byonna ebiri mu nnyumba bireme okufuuka ebitali birongoofu: oluvannyuma kabona n'alyoka ayingira okulaba ennyumba:
- 37 kale anaakeberanga endwadde, era, laba, endwadde bw'eneebanga ku bisenge by'ennyumba nga byewummuddewummudde, enguudo oba nga za nnawaadagala oba mmyufumyufu, n'ekifaananyi kyayo nga kifulumye munda w'ekisenge;
- 38 awo kabona anaafulumanga mu nnyumba n'agenda ku mulyango gw'ennyumba, n'aggalira ennyumba ennaku musanvu:
- 39 kale kabona anaakomangawo ku lunaku olw'omusanvu, n'akebera: era, laba, endwadde bw'eneebanga ebunye ku bisenge by'ennyumba;
- 40 kale kabona anaalagiranga okuggyamu amayinja agaliko endwadde, n'okugasuula mu kifo ekitali kirongoofu ebweru w'ekibuga:
- 41 era anaalagiranga ennyumba okugikolokota munda enjuyi zonna, era banaafukanga ennoni gye bakolokota ebweru w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu;
- 42 ne baddira amayinja amalala, ne bagateeka mu kifo ky'amayinja ago; n'addira ennoni endala, n'agisiiga ku nnyumba.
- 43 Awo endwadde bw'eneekomangawo n'efuutuuka ku nnyumba, ng'amaze okuggyamu amayinja, era ng'amaze okukolokota ennyumba, era ng'emaze okusiigibwako;
- 44 kale kabona anaayingiranga n'akebera, era, laba, endwadde bw'eneebanga ebunye ku nnyumba, ebyo nga bye bigenge ebirya mu nnyumba: nga si nnongoofu.
- 45 Awo anaayabyanga ennyumba, amayinja gaayo, n'emiti gyayo, n'ennoni yonna ey'ennyumba; era anaabisitulanga n'abiggya mu kibuga n'abitwala mu kifo ekitali kirongoofu.
- 46 Era nate buli anaayingiranga mu nnyumba ekiseera kyonna ng'ekyali nzigale anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 47 Era buli anaasulanga mu nnyumba eyo anaayozanga engoye ze; n'oyo anaaliiranga mu nnyumba eyo anaayozanga engoye ze.
- 48 Era kabona bw'anaayingiranga, n'akebera, era, laba, endwadde nga tebunye ku nnyumba, ennyumba ng'emaze okusiigibwako; kale kabona anaayatuliranga ennyumba nga nnongoofu, kubanga endwadde ng'ewonye.
- 49 Awo anaddiranga olw'okulongoosa ennyumba ennyoayi bbiri, n'omuti omwerezi, n'olugoye olumyufu, n'ezobu:
- 50 n'attako emu ku nnyonyi mu kintu ky'ebbumba ku mazzi agakulukuta:
- 51 n'addira omuti omwerezi n'ezobu n'olugoye olumyufu n'ennyonyi ennamu, n'abinnyika mu musaayi gw'ennyonyi ettiddwa, ne mu mazzi ago agakulukuta, n'amansira ku nnyumba emirundi musanvu:
- 52 era anaalongoosanga ennyumba n'omusaayi gw'ennyonyi, n'amazzi ago agakulukuta, n'ennyonyi ennamu, n'omuti omwerezi, n'ezobu, n'olugoye olumyufu:
- 53 naye anaateeranga ennyonyi ennamu mu ttale mu bbanga okuva mu kibuga: bw'atyo bw'anaatangiriranga ennyumba: awo eneebanga nnongoofu.
- 54 Eryo lye tteeka ly'engeri yonna ey'endwadde y'ebigenge, era ery'ekikakampa;
- 55 era ery'ebigenge eby'okukyambalo, era ery'ennyumba;
- 56 era ery'ekizimba, era ery'ekikuta, era ery'embalabe erungudde:
- 57 okuyigirizanga bwe kinaabanga ekitali kirongoofu, era bwe kinaabanga ekirongoofu: eryo lye tteeka ly'ebigenge.

Essuula 15

- 1 Era Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 2 Mugambe abaana ba Isiraeri mubabuulire nti Omusajja yenna bw'abaabanga n'enziku eva mu mubiri gwe; nga simulongoofu olw'enziku ye.
- 3 Era buno bwe bunaabanga obutali bulongoofu bwe obw'enziku ye: oba ng'atonnya enziku mu mubiri gwe, oba nga yaziyizibwa enziku mu mubiri gwe, buno bwe butali bulongoofu bwe.
- 4 Buli kitanda omuziku ky'anaasulangako kinaabanga kitali kirongoofu: era buli kintu ky'anaatuulangako kinaabanga kitali kirongoofu.
- 5 Era buli anaakomanga ku kitanda kye anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 6 N'oyo anaatuulanga ku kintu kyonna omuziku ky'atuddeko anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 7 N'oyo anaakomanga ku mubiri gw'omuziku anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 8 Era omuziku bw'anaawandanga amalusu ku mulongoofu; kale anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 9 N'amatandiiko gonna omuziku g'aneebagalirangako ganaabanga agatali malongoofu.
- 10 Na buli anaakomanga ku kintu kyonna ekibadde wansi we anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi: n'oyo anaasitulanga ebyo anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 11 Na buli omuziku gw'anaakomangako, nga tannanaaba ngalo mu mazzi, anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 12 N'ekintu ky'ebbumba omuziku ky'anaakomangako kinaayasibwanga: na buli kintu ky'omuti kinaayozebwaya mu mazzi.
- 13 Era omuziku bw'anaalongoosebwangako enziku ye, kale aneebaliranga ennaku musanvu olw'okulongoosebwa kwe, n'ayoza engoye ze; n'anaaba omubiri gwe mu mazzi agakulukuta, n'aba mulongoofu.
- 14 Era ku lunaku olw'omunaana aneetwaliranga ba kamukuukulu babiri, oba amayiba amato abiri, najja mu maaso ga Mukama ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkani-rangamu, n'agawa kabona:
- 15 kale kabona anaagawangayo, erimu lya kiweebwayo olw'ekibi, n'eddala lya kiweebwayo ekyokebwa; era kabona anaamutangiriranga mu maaso ga Mukama olw'enziku ye.
- 16 Era omusajja yenna bw'anaavangamu amaanyi, kale anaanaabanga omubiri gwe gwonna mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 17 Na buli kyambalo, na buli ddiba, omuli amaanyi, kinaayozebwaya n'amazzi, ne kiba ekitali kirongoofu okutuusa akawungeezi.
- 18 Era n'omukazi omusajja gw'anaasulanga naye n'amaanyi, bombi banaanaabanga mu mazzi, ne baba abatali balongoofu okutuusa akawungeezi.
- 19 Era omukazi bw'anaabanga n'enziku, n'enziku ye mu mubiri gwe nga ya musaayi, anaamalanga ennaku musanvu ez'okweyawula kwe: na buli anaamukomangako anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 20 Na buli kintu ky'anaasulangako mu biro by'okweyawula kwe kinaabanga ekitali kirongoofu: era buli kintu ky'anaatuulangako kinaabanga ekitali kirongoofu.
- 21 Na buli anaakomanga ku kitanda kye anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 22 Na buli anaakomanga ku kintu kyonna ky'atuddeko anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

- 23 Era bwe kinaabanga ku kitanda, oba ku kintu kyonna ky'atuddeko, bw'anaakikomangako, anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 24 Era omusajja yenna bw'anaasulanga naye, n'obutali bulongoofu bwe ne buba ku ye, kale anaabanga atali mulongoofu ennaku musanvu; na buli kitanda ky'anaasulangako kinaabanga ekitali kirongoofu.
- 25 Era omukazi bw'anaavangamu omusaayi gwe ennaku nnyingi so nga si bye biro eby'okweyawula kwe, oba bw'anaavangamu omusaayi okusukkirira ebiro eby'okweyawula kwe; ennaku zonna z'anaaviirangamu omusaayi ogw'obutali bulongoofu bwe anaabanga nga bw'aba mu nnaku ez'okweyawula kwe: oyo nga si mulongoofu.
- 26 Buli kitanda ky'anaasulangako ennaku zonna z'anaaviirangamu omusaayi kinaabanga gy'ali ng'ekitanda eky'okweyawula kwe: era buli ky'anaatuulangako kinaabanga ekitali kirongoofu, ng'obutali bulongoofu obw'okweyawula kwe.
- 27 Era buli anaakomanga ku ebyo anaabanga atali mulongoofu, n'ayoza engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 28 Naye bw'anaalongoosebwanaga olw'omusaayi okumuvaamu, kale aneebaliranga ennaku musanvu, oluvannyuma n'alyoka aba omulongoofu.
- 29 Awo ku lunaku olw'omunaana aneetwaliranga bakaamukuukulu babiri, oba amayiba amato abiri, n'agatwalira kabona, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 30 Awo kabona anaawangayo erimu okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'eddala okuba ekiweebwayo ekyokebwa; era kabona anaamutangiriranga mu maaso ga Mukama olw'okuvaamu omusaayi ogw'obutali bulongoofu bwe.
- 31 Bwe mutyo bwe munaayawulanga abaana ba Isiraeri n'obutali bulongoofu bwabwe; baleme okufira mu butali bulongoofu bwabwe, bwe banaayonoonanga eweema yange eri wakati mu bo.
- 32 Eryo lye tteeka ly'omuziku n'oyo avaamu amaanyi, n'okufuula ne gamufuula atali mulongoofu;
- 33 era ery'omukazi alwadde olw'okweyawula kwe, era ery'omuziku, omusaja, era ery'omukazi, era ery'oyo asula n'omukazi atali mulongoofu.

Essuula 16

- 1 Mukama n'ayogera ne Musa, batabani ba Aloonni bombi nga bamaze okufa, bwe baasembera mu maaso ga Mukama ne bafa;
- 2 Mukama n'agamba Musa nti Gamba Aloonni muganda wo obutamalanga gajja mu watukuvu munda w'eggigi buli biro, mu maaso g'entebe ey'okusaasira eri ku sanduuko; aleme okufa: kubanga naalabikiranga mu kire ku ntebe ey'okusaasira.
- 3 Bino Aloonni by'anajjanga nabyo mu watukuvu: ng'alina ente ennume envubuka okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume okuba ekiweebwayo ekyokebwa.
- 4 Anaayambalanga ekizibawo ekyo ekyo bafuta ekitukuvu, era anaabanga ne seruwale eyo eya bafuta ku mubiri gwe, era nga yeesibye olukoba olwo olwa bafuta, era ng'atikkidde enkufbira eyo eya bafuta; ebyo bye byambalo ebitukuvu; era anaanaabanga omubiri gwe mu mazzi, n'abyambala.
- 5 Awo anaatwalanga ku kibiina ky'abaana ba Isiraeri embuzi ennume bbiri okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume emu okuba ekiweebwayo ekyokebwa.
- 6 Awo Aloonni anaayanjulanga ente ennume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, eyiye ku bubwe, ne yeetangirira ye n'ennyumba ye.
- 7 Awo anaatwalanga embuzi zombi, n'aziteeka mu maaso ga Mukama ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 8 Awo Aloonni anaazikubiranga obululu embuzi zombi; akalulu akamu ka Mukama,

n'akalulu ak'okubiri ka Azazeri.

- 9 Awo Alooni anaayanjulanga embuzi egwiriddwako akalulu ka Mukama, n'agiwaayo okuba ekiweebwayo olw'ekibi.
- 10 Naye embuzi egwiriddwako akalulu ka Azazeri, eneetekebwanga mu maaso ga Mukama nga nnamu, okumutangirira, okugisindiikiriza eri Azazeri mu ddungu.
- 11 Awo Alooni anaayanjulanga ente ennume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, eyiye ku bubwe, ne yeetangirira ye n'ennyumba ye, n'atta ente ennume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, eyiye ku bubwe:
- 12 awo anaddiranga ekyoterezo ekijjudde amanda ag'omuliro ng'agaggya ku kyoto mu maaso ga Mukama, n'embatu ze nga zijjudde obubaane obw'akaloosa obusekuddwa ennyo, n'abuleeta munda w'eggigi:
- 13 awo anaateekaaga obubaane ku muliro mu maaso ga Mukama, omukka ogw'obubaane gubikke ku ntebe ey'okusaasira eri ku bujulirwa, aleme okufa:
- 14 awo anaatoolanga ku musaayi gw'ente ennume, n'agumansira n'engalo ye ku ntebe ey'okusaasira ebuvanjuba; era anaamansiranga ku musaayi mu maaso g'entebe ey'okusaasira n'engalo ye emirundi musanvu.
- 15 Awo anattanga embuzi ey'ekiweebwayo olw'ekibi, ey'abantu, n'aleeta omusaayi gwayo munda w'eggigi, n'akola omusaayi gwayo nga bw'akoze omusaayi gw'ente ennume, n'agumansira ku ntebe ey'okusaasira, ne mu maaso g'entebe ey'okusaasira:
- 16 era anaatangiriranga awatukuvu, olw'obutali bulongoofu bw'abaana ba Isiraeri, n'olw'ebyonono byabwe, ebibi byabwe byonna: era bw'atyo bw'anaakolanga eweema ey'okusisinkanirangamu, ebeera nabo wakati mu butali bulongoofu bwabwe.
- 17 So temubanga muntu mu weema ey'okusisinkanirangamu, bw'anaayingiranga okutangirira mu watukuvu, okutuusa lw'anaafulumanga, ng'amaze okwetangirira ye n'ennyumba ye n'ekibiina kyonna ekyo Isiraeri.
- 18 Awo anaafulumanga eri ekyoto ekiri mu maaso ga Mukama, n'akitangirira: n'atoola ku musaayi gw'ente ennume, ne ku musaayi gw'embuzi, n'agusiiiga ku mayembe g'ekyoto enjuyi zonna.
- 19 N'akimansirako omusaayi n'engalo ye emirundi musanvu, n'akirongoosa, n'akitukuza okukiggyako obutali bulongoofu bw'abaana ba Isiraeri.
- 20 Awo bw'anaamaliranga ddala okutangirira awatukuvu, n'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ekyoto, anaayanjulanga embuzi ennamu:
- 21 awo Alooni anaateekanga emikono gye gyombi ku mutwe gw'embuzi ennamu, n'ayatulira ku yo obutali butuukirivu bwonna obw'abaana ba Isiraeri, n'ebyonono byabwe byonna, ebibi byabwe byonna; n'abiteeka ku mutwe gw'embuzi, n'agisindiikiriza mu ddungu mu mukono gw'omuntu eyeeteeseteese:
- 22 era embuzi eneesituliranga ku yo obutali butuukirivu bwabwe bwonna n'ebutwala mu nsi eteriimu bantu: kale embuzi anaagiteeranga mu ddungu.
- 23 Awo Alooni anaayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu, n'ayambala ebyambalo ebya bafuta, by'abadde ayambadde ng'ayingidde mu watukuvu, n'abireka eyo:
- 24 awo anaanaabiranga omubiri gwe n'amazzi mu kifo ekitukuvu, n'ayambala ebyambalo bye, n'afuluma, n'awaayo ekiweebwayo ekyokebwa ekikye n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'abantu, ne yeetangirira ye n'abantu.
- 25 N'amasavu ag'ekiweebwayo olw'ekibi anaagookeranga ku kyoto.
- 26 N'oyo atera embuzi eri Azazeri anaayozanga ebyambalo bye, n'anaaba omubiri gwe mu mazzi, oluvannyuma n'alyoka ayingira mu lusiisira.
- 27 N'ente ennume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, n'embuzi ey'ekiweebwayo olw'ekibi, omusaayi gwayo oguyingizibwa okutangirira mu watukuvu, zinaafulumizibwanga ebweru w'olusiisira; ne bookera mu muliro amaliba gaazo, n'ennyama yaazo, n'obusa bwazo.

- 28 N'oyo abyokya anaayozanga ebyambalo bye n'anaaba omubiri gwe mu mazzi, oluvannyuma n'alyoka ayingira mu lusiisira.
- 29 Era lino linaabanga tteeka gye muli emirembe gyonna: mu mwezi ogw'omusanvu, ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi, munaabonerezanga emmeeme zammwe, so temukolanga mulimu gwonna, enzaalwa newakubadde omugenyi atuula mu mmwe:
- 30 kubanga ku lunaku olwo kwe banaabatangiriranga, okubalongoosa; munaabanga balongoofu mu bibi byammwe byonna mu maaso ga Mukama.
- 31 Olwo ye ssabbiiti ey'okuwummula ey'okwewombeekerako gye muli, era munaabonerezanga emmeeme zammwe: lye tteeka ery'emirembe gyonna.
- 32 Era kabona, anaafukibwangako amafuta era anaayawulibwanga okuba kabona mu kifo kya kitaawe, anaatangiriranga era anaayambalanga ebyambalo ebya bafuta, ebyambalo ebitukuvu:
- 33 era anaatangiriranga awatukuvu awaayawulibwa, era anaatangiriranga eweema ey'okusisinkanirangamu n'ekyoto; era anaatangiriranga bakabona n'abantu bonna ab'ekibiina.
- 34 Era lino linaabanga tteeka gye muli eritajjulukuka emirembe gyonna, okutangiriranga abaana ba Isiraeri olw'ebibi byabwe byonna omulundi gumu buli mwaka. N'akola nga Mukama bwe yalagira Musa.

Essuula 17

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Yogera ne Alooni ne batabani be n'abaana ba Isiraeri bonna, obagambe nti Ekigambo kino Mukama ky'alagidde, ng'ayogera nti
- 3 Bwe wabangawo omuntu yenna ow'omu nnyumba ya Isiraeri, anattiranga ente, oba omwana gw'endiga, oba embuzi, mu lusiisira, oba anaagittiranga ebweru w'olusiisira,
- 4 n'atagireeta ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, okugiwaayo okuba ekitone eri Mukama mu maaso g'ennyumba ya Mukama: omusaayi gunaamubalirwanga omuntu oyo; ng'ayiye omusaayi; era omuntu oyo anaazikirizibwanga mu bantu be:
- 5 abaana ba Isiraeri balyoke baleetenga ssaddaaka zaabwe, ze baweerayo mu ttale mu bbanga bazireetenga eri Mukama, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, eri kabona, ne baziwaayo okuba ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe eri Mukama.
- 6 Awo kabona anaamansiranga omusaayi ku kyoto kya Mukama ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ayokya amasavu okuba evvumbe eddungi eri Mukama.
- 7 So tebakyawangayo ssaddaaka zaabwe eri embuzi ennume, ze bagoberera okwenda nazo. Eryo linaabanga tteeka gye bali ennaku zonna mu mirembe gyabwe gyonna.
- 8 Era onoobagamba nti Bwe wanaabangawo omuntu yenna ow'omu nnyumba ya Isiraeri oba ku bagenyi abanaatuulanga mu bo, anaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa oba ssaddaaka,
- 9 n'atakireeta ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, okukiwaayo eri Mukama; omuntu oyo anaazikirizibwanga mu bantu be.
- 10 Era bwe wanaabangawo omuntu yenna ow'omu nnyumba ya Isiraeri, oba ku bagenyi abanaatuulanga mu bo, anaalyanga ku musaayi gwonna gwonna; nnaateekanga amaaso gange okwolekera omuntu oyo alya ku musaayi, ne mmuzikiriza mu bantu be.
- 11 Kubanga obulamu bw'ennyama buba mu musaayi: era ngubawadde ku kyoto okutangiriranga obulamu bwammwe: kubanga omusaayi gwe gutangirira olw'obulamu.
- 12 Kyennava amba abaana ba Isiraeri nti Tewabanga ku mmwe muntu anaalyanga ku

musaayi, so n'omugenyi yenna anaatuulanga mu mmwe talyanga ku musaayi:

- 13 Era bwe wanaabangawo omuntu yenna ku baana ba Isiraeri, oba ku bagenyi abanaatuulanga mu bo, anaakwatanga ensolo yonna oba nnyonyi yonna eriika ng'ayigga; anaayiwanga omusaayi gwayo, n'agubikkako n'enfuufu.
- 14 Kubanga obulamu bw'ennyama yonna, omusaayi gwayo guba gumu n'obulamu bwayo: kyennava amba abaana ba Isiraeri nti Temulyanga ku musaayi gwa nnyama yonna yonna: kubanga obulamu bw'ennyama yonna gwe musaayi gwayo: buli anaagulyangako anaazikirizibwanga.
- 15 Era buli muntu anaalyanga ku eyo efa yokka, oba etaaguddwa ensolo, oba nzaalwa oba mugenyi, anaayozanga ebyambalo bye, n'anaaba mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi: n'alyoka aba mulongoofu.
- 16 Naye bw'ataabyozenga, n'atanaaba mubiri gwe, kale anaabangako obutali butuukizivu bwe.

Essuula 18

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Nze Mukama Katonda wammwe.
- 3 Ng'ebikolwa bwe biri eby'omu nsi y'e Misiri, gye mwatuulangamu, temukolanga bwe mutyo: era ng'ebikolwa bwe biri eby'omu nsi ya Kanani, gye ndibatuusaamu, temukolanga bwe mutyo: so temutambuliranga mu mateeka gaabwe.
- 4 Emisango gyange gye muba mukolanga, n'amateeka gange ge muba mwekuumanga, okubitambulirangamu: nze Mukama Katonda wammwe.
- 5 Kale mwekuumanga amateeka gange n'emisango gyange; ebyo omuntu bw'anaabikolanga, anaabanga mulamu olw'ebyo: nze Mukama.
- 6 Tewabanga ku mmwe anaasembereranga ow'obuko yenna, okubikkula ku nsonyi ze: nze Mukama.
- 7 Ensonyi za kitaawo, ze nsonyi za nnyoko, tozibikkulangako: ye nnyoko; tobikkulanga ku nsonyi ze.
- 8 Tobikkulanga ku nsonyi za musika wa nnyoko: ze nsonyi za kitaawo.
- 9 Ensonyi za mwannyoko azaalibwa kitaawo, azaalibwa nnyoko, oba yazaalibwa waka, yazaalibwa walala, ensonyi zaabwe tozibikkulangako.
- 10 Ensonyi za muwala wa mutabani wo, oba muwala wa muwala wo, ensonyi zaabwe tozibikkulangako: kubanga ensonyi zaabwe ze zizo ggwe.
- 11 Ensonyi za muwala wa mukazi wa kitaawo, kitaawo gw'azaala, oyo mwannyoko, tobikkulanga ku nsonyi ze.
- 12 Tobikkulanga ku nsonyi za ssenga wo: oyo wa buko ne kitaawo.
- 13 Tobikkulanga ku nsonyi za muganda wa nnyoko: oyo wa buko ne nnyoko.
- 14 Tobikkulanga ku nsonyi za muganda wa kitaawo, toseembereranga mukazi we: oyo ssenga wo.
- 15 Tobikkulanga ku nsonyi za muka mwana wo: oyo muka mutabani wo; tobikkulanga ku nsonyi ze.
- 16 Tobikkulanga ku nsonyi za muka muganda wo: ze nsonyi za muganda wo.
- 17 Tobikkulanga ku nsonyi z'omukazi n'eza muwala we; totwalanga muwala wa mutabani we, newakubadde muwala wa muwala we, okubikkula ku nsonyi ze; abo ba buko: ekyo kibi.
- 18 So totwalanga mukazi wamu ne muganda we, okuba muggya we, okubikkula ku nsonyi ze, wamu ne munne, ye ng'akyali mulamu.
- 19 So toseembereranga mukazi okubikkula ku nsonyi ze, ng'akyayawulibwa olw'obutali bulongoofu bwe.

- 20 So tosulanga na muka muliraanwa wo, okweyoonona naye.
- 21 So towangayo ku zzadde lyo okubayisa mu muliro eri Moleki, so tovumisanga linnya lya Katonda wo: nze Mukama.
- 22 Tosulanga na basajja, nga bwe basula n'abakazi: ekyo kya muzizo.
- 23 So tosulanga na nsolo yonna, okweyoonona nayo: so n'omukazi yenna tayimiriranga mu maaso g'ensolo, okugalamira nayo: okwo kwe kutabula.
- 24 Temweyoononanga n'ebyo byonna byonna: kubanga olw'ebyo byonna amawanga goonoonese ge ngoba mu maaso gammwe:
- 25 n'ensi eyoonoonese: kyenva ngiwalanako obutali butuukirivu bwayo, n'ensi esesemera ddala abagituulamu.
- 26 Kale mmwe mwekuumenga amateeka gange n'emisango gyange, so temukolangako ku by'emizzo ebyo byonna byonna; newakubadde enzaalwa, newakubadde omugenyi atuula mu mmwe:
- 27 (kubanga eby'emizizo ebyo byonna abasajja, ab'omu nsi baabikolanga, abaabasooka, n'ensi eyoonoonese;)
- 28 ensi ereme okubasesemera ddala nammwe, bwe mugyoononanga, nga bwe yasesemera ddala eggwanga eryabasooka.
- 29 Kubanga omuntu yenna bw'anaakolanga kyonna ku by'emizizo ebyo, abantu abo abaabikola banasibwanga okubaggya mu bantu baabwe.
- 30 Kyemunaavanga mwekuuma bye mbakuutira, obutakolanga yonna ku mpisa ezo ez'emizizo, ezaakolebwanga okusooka mmwe, n'obuteeyoononanga n'ezo: nze Mukama Katonda wammwe.

Essuula 19

- 1 Mukama n'ayogera ne Musa nti
- 2 Yogera n'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Munaabanga batukuvu: kubanga nze Mukama Katonda wammwe ndi mutukuvu.
- 3 Mutyenga buli muntu nnyina ne kitaawe, era mwekuumenga ssabbiiti zange: nze Mukama Katonda wammwe.
- 4 Temukyukiranga bifaanaayi, so temwekoleranga bakatonda basaanuuse: nze Mukama Katonda wammwe.
- 5 Era bwe munaawangayo ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe eri Mukama, munaagiwangayo era mukkirizibwe.
- 6 Ku lunaku olwo lwe munaagiweeraagako kwe munaagiriiranga, ne ku lw'enkya: era ekintu kyonna bwe kinaafikkangako okutuusa ku lunaku olw'okusatu, kinaayokebwanga omuliro.
- 7 Era bwe kinaaliibwangako n'akatono ku lunaku olw'okusatu, kiba kya muzizo; tekikkirizibwenga:
- 8 naye buli anaakiryangako anaabangako obutali butuukirivu bwe, kubanga avumisizza ekintu ekitukuvu ekya Mukama: era omuntu oyo anaazikirizibwanga mu bantu be.
- 9 Era bwe munaakungulanga ebikungulwa by'ensi yammwe, tomaliranga ddala kukungula nsonda za nnimiro yo, so tokuaaayanga ebyerebwa ku bikungulwa byo.
- 10 So toyeranga mu lusuku lwo olw'emizabbibu, so tokuaanyanga bibala ebikunkumuka mu lusuku lwo olw'emizabbibu; onoobirekeranga omwavu n'omugenyi: nze Mukama Katonda wammwe.
- 11 Temubbanga; so temulyazaamaanyanga, so temulimbagananga mwekka na mwekka.
- 12 temulayiriranga bwereere linnya lyange, n'okuvumisa n'ovumisa erinnya lya Katonda wo: nze Mukama.
- 13 Tojooganga muliraanwa wo, so tomunyaganga: empeera y'omusenze akolera empeera

tosulanga ng'oli nayo okukeesa obudde.

- 14 Tokolimiranga muggavu wa matu, so tomuteekerangawo nkonge omuzibe w'amaaso, naye onootyanga Katonda wo: nze Mukama.
- 15 Temusalanga misango egitali gya nsonga: tolowoozanga maaso ga mwavu, so tossangamu kitiibwa maaso ga wa maanyi: naye onoosaliranga muliraanwa wo emisango gya nsonga.
- 16 Tobanga wa nnimi ng'otambulatabula mu bantu bo; so toyimiranga kulumba musaayi gwa muliraanwa wo: nze Mukama.
- 17 Tokyawanga muganda wo mu mutima gwo: tolemanga kunenya muliraanwa wo, oleme okubaako ekibi ku lulwe.
- 18 Towalananga ggwanga, so tobanga na nge yonna eri abaana b'abantu bo, naye onooyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka: nze Mukama.
- 19 Mwekuumenga amateeka gange. Tozaalisanga nsolo zo ngeri ezitafaanana bumu: tosiganga mu nnimiro yo nsigo ey'engeri ebbiri: ekyambalo tekikubikkangako eky'engeri ebbiri ez'olugoye ezitabuddwa awamu.
- 20 Era buli anaasulanga n'omukazi, naye nga muzaana, ng'aliko bba amwogereza, era nga tanunulwanga n'akatono, so nga taweebwanga ddembe; banaabonerezebwanga, tebattibwanga, kubanga teyali wa busa.
- 21 Awo anaaleetanga ekyo ky'awaayo olw'omusango eri Mukama, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, embuzi ennume okuba ekiweebwayo olw'omusango.
- 22 Awo kabona anaamutangirizanga endiga ennume ey'ekiweebwayo olw'omusango mu maaso ga Mukama olw'ekibi kye yakola; kale anaasonyiyibwanga ekibi kye yakola.
- 23 Era bwe mubanga muyingidde mu nsi eyo, era nga mumaze okusimba emiti egy'engeri zonna egiriibwako, ne mulyoka muyita ebibala byagyo obutakomolwa bwagyo: emyaka esatu binaabanga gye muli ng'ebitali bikomole tebiriibwangako.
- 24 Naye mu mwaka ogw'okuna ebibala byayo byonna biriba bitukuvu, olw'okutendereza Mukama.
- 25 Ne mu mwaka ogw'okutaano mulirya ku bibala byayo, ebawe ekyengera kyayo: nze Mukama Katonda wammwe.
- 26 Temulyanga kintu kyonna wamu n'omusaayi, so temuwanga ddogo, so temulagulanga.
- 27 Temumwanga nkiiya, so toyoonoona nsonda za kirevu kyo.
- 28 Temwesalanga ku mubiri gwammwe olw'abafu, so temwesalangako bya buyonjo byonna: nze Mukama.
- 29 Tovumisanga muwala wo, okumufuula omwenzi; ensi creme okugoberera obwenzi, ensi n'ejjula ekibi.
- 30 Mwekuumenga ssabbiiti zange, era mutyenga awatukuvu wange: nze Mukama.
- 31 Temukyukiranga abo abasamira emizimu, newakubadde abalogo; temubanoonyanga, okwonooneka olw'abo: nze Mukama Katonda wammwe.
- 32 Oseguliranga alina envi, era ossangamu ekitiibwa amaaso g'omukadde, era otyanga Katonda wo: nze Mukama.
- 33 Era omugenyi bw'anaatuulanga naawe mu nsi yammwe, temumukolanga bubi.
- 34 Omugenyi anaatuulanga nammwe anaabanga gye muli ng'enzaalwa mummwe, era omwagalanga nga bwe weeyagala wekka, kubanga mwali bagenyi mu nsi y'e Misiri: nze Mukama Katonda wammwe.
- 35 Temukolanga ebitali bya butuukirivu okusala emisango, okupima emikono, okupimira mu minzaani, newakubadde okugera.
- 36 Munaabanga ne minzaani ntuufu, n'ebigera bituufu, efa ntuufu, ne ini ntuufu: nze Mukama Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri.

- 37 Era mukwatenga amateeka gange gonna, n'emisango gyange gyonna, ne mubikolanga: nze Mukama.

Essuula 20

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Era nate gamba abaana ba Isiraeri nti Bwe wanaabangawo omuntu yenna ku baana ba Isiraeri, oba ku bagenyi abatuula mu Isiraeri, anaawangayo ku zzadde lye eri Moleki: talemanga kuttibwa: abantu ab'omu nsi banaamukubanga amayinja.
- 3 Era nange naamwolekezanga amaaso gange omuntu oyo, ne mmuzikiriza okumuggya mu bantu be; kubanga awaddeyo ku zzadde lye eri Moleki, okwonoona awatukuvu wange, n'okuvumisa erinnya lyange ettukuvu.
- 4 Era abantu ab'omu nsi bwe banaakisanga n'akatono amaaso gaabwe omuntu oyo, bw'anaawangayo ku zzadde lye eri Moleki, ne batamutta:
- 5 awo naamwolekezanga obwenyi bwange omuntu oyo ne baganda be, ne mmuzikiriza ye n'abo bonna abamugoberera okwenda, okwenda ne Moleki, okubaggya mu bantu baabwe.
- 6 N'omuntu anaakyukiranga abo abasamira emizimu, n'abalogo, okubagoberera okwenda, naamwolekezanga obwenyi bwange omuntu oyo ne mmuzikiriza okumuggya mu bantu be.
- 7 Kale mwetukuzenga mubeerenga abatukuvu: kubanga nze Mukama Katonda wammwe.
- 8 Era mwekuumenga amateeka gange, mugakolenga: nze Mukama abatukuza.
- 9 Kubanga buli anaakolimiranga kitaawe oba nnyina talemanga kuttibwa: ng'akolimide kitaawe oba nnyina; omusaayi gwe gunaabanga ku ye.
- 10 N'omuntu anaayendanga ku mukazi w'omusajja omulala, anaayendanga ku mukazi wa muliraanwa we, omwenzi omusajja n'omwenzi omukazi tebalemanga kuttibwa.
- 11 N'omusajja anaasulanga ne mukazi wa kitaawe, ng'abikudde ku nsonyi za kitaawe: bombi tebalemanga kuttibwa; omusaayi gwabwe gunaabanga ku bo.
- 12 Era omusajja bw'anaasulanga ne muka mwana we, bombi tebalemanga kuttibwa: nga bakoze okutabula; omusaayi gwabwe gunaabanga ku bo.
- 13 Era omusajja bw'anaasulanga n'omusajja, nga bwe yandyebase n'abakazi, bombi nga bakoze eky'omuzizo: tebalemanga kuttibwa; omusaayi gwabwe gunaabanga ku bo.
- 14 Era omusajja bw'anaawasanga omukazi ne nnyina, ekyo kibi: banaayokebwanga omuliro ye nabo; muleme okuba ekibi mu mmwe.
- 15 Era omusajja bw'anaasulanga n'ensolo, talemanga kuttibwa: era munattanga ensolo eyo.
- 16 Era omukazi bw'anaasembereranga ensolo yonna, n'agalamira nayo, omuttanga omukazi oyo n'ensolo: tebiremanga kuttibwa; omusaayi gwabyo gunaabanga ku byo.
- 17 Era omusajja bw'anaawasanga mwannyina, muwala wa kitaawe, oba muwala wa nnyina, n'alaba ensonyi ze, naye n'alaba ensonyi ze; kye kigambo eky'obuwemu; era banaazikirizibwanga mu maaso g'abaana b'abantu baabwe: ng'abikudde ku nsonyi za mwannyina; anaabangako obutali butuukirivu bwe.
- 18 Era omusajja bw'anaasulanga n'omukazi aliko endwadde ye, n'abikkula ku nsonyi ze; ng'afudde obwereere ensulo ye, naye ng'abikudde ku nsulo y'omusaayi gwe: awo bombi banaazikirizibwanga okuggibwa mu bantu baabwe.
- 19 So tobikkulanga ku nsonyi za muganda wa nnyoko; newakubadde eza mwannyina kitaawo: kubanga afudde obwereere ow'obuko: banaabangako obutali butuukirivu bwabwe.
- 20 Era omusajja bw'anaasulanga ne mukazi wa kojja we, ng'abikudde ku nsonyi za kojja

we: banaabangako ekibi kyabwe; balifa nga tebalina baana.

- 21 Era omusajja bw'anaawasanga mukazi wa muganda we, bwe butali bulongoofu: ng'abikudde ku nsonyi za muganda we; tebaliba na baana.
- 22 Kyemunaavanga mwekuuma amateeka gange gonna, n'emisango gyange gyonna, ne mubikolanga: ensi, gye mbayingizaamu okutuula omwo, eremenga okubasesemera ddala.
- 23 So temutambuliranga mu mpisa z'eggwanga, lye ngoba mu maaso gammwe: kubanga baakolanga ebyo byonna, era kyenvudde mbakyawa.
- 24 Naye nabagamba mmwe nti Mulisikira ensi yaabwe, nange ndigibawa okugirya, ensi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki; nze Mukama Katonda wammwe, eyabaawula mu mawanga.
- 25 Kyemunaavanga mwawula ensolo ennongoofu n'eteri nnongoofu, n'ennyonyi eteri nnongoofu n'ennongoofu: so temufuulanga mmeeme zammwe za mizizo olw'ensolo, oba olw'ennyonyi, oba olw'ekintu kyonna eky'ekulula ku nsi, bye nnayawula gye muli obutaba birongoofu:
- 26 Era munaabanga batukuvu gye ndi: kubanga nze Mukama ndi mutukuvu, era nabaawula mu mawanga mubeere abange.
- 27 Era omusajja oba omukazi asamira omuzimu, oba omulogo, talemanga kuttibwa; banaabakubanga amayinja: omusaayi gwabwe gunaabanga ku bo.

Essuula 21

- 1 Mukama n'agamba Musa nti Yogera ne bakabona batabani ba Alooni, obagambe nti Tewabangawo muntu eyeeyonoona olw'abo abaafa ku bantu be;
- 2 wabula olwa baganda be, abamuli okumpi mu luganda, nnyina ne kitaawe ne mutabani we ne muwala we ne muganda we;
- 3 n'olwa mwannyina atamanyanga musajja, amuli okumpi mu luganda, atalina bba, olw'oyo ayinza okweyonoona.
- 4 Tayoonanga, bw'aba omukulu mu bantu be, okwevumisa.
- 5 Tebamwanga kiwalaata ku mutwe gwabwe, so tebamwanga nsonda za kirevu kyabwe, so tebeesalanga n'akatono ku mubiri gwabwe.
- 6 Banaabanga batukuvu eri Katonda waabwe, so tebavumisanga linnya lya Katonda waabwe: kubanga bawaayo ebiweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro, gwe mugaati gwa Katonda waabwe: kyebanaavanga babeera abatukuvu.
- 7 Tebawasanga mukazi mwenzi, oba aliko empitambi; so tebawasanga mukazi eyagobebwa bba: kubanga mutukuvu eri Katonda we.
- 8 Kyonoovanga omutukuza; kubanga awaayo omugaati gwa Katonda wo: anaabanga mutukuvu gy'oli: kubanga nze Mukama abatukuza ndi mutukuvu.
- 9 Era muwala wa kabona yenna, bw'anevumisanga nga yeefuula omwenzi, ng'avumisa kitaawe: anaayokebwaaga omuliro.
- 10 N'oyo anaabanga kabona asinga obukulu mu baganda be, afukibwako ku mutwe amafuta agafukibwako, era ayawulibwa okwambala ebyambalo ebyo, tasumululanga nviiri za ku mutwe gwe, so tayuzanga ngoye ze;
- 11 so tayingiranga eri omulambo gwonna, so teyeeyoonanga olwa kitaawe, newakubadde olwa nnyina;
- 12 so tafulumanga mu watukuvu, so tavumisanga watukuvu wa Katonda we; kubanga engule ey'amafula agafukibwako aga Katonda wegali ku ye: nze Mukama.
- 13 Era anaawasanga omukazi nga tannamanya musajja.
- 14 Nnamwandu oba eyagobebwa oba aliko empitambi, omwenzi, abo tabawasanga: naye omuwala atamanyanga musajja ow'oku bantu be gw'anaawasanga.

- 15 So tavumisanga zzadde lye mu bantu be: kubanga nze ndi Mukama amutukuza.
- 16 Mukama n'agamba Musa nti
- 17 Gamba Aloonni nti Buli muntu yenna ow'oku zzadde lye mu mirembe gyabwe gyonna anaabangako obulema, tasemberanga okuwaayo omugaati gwa Katonda we.
- 18 Kubanga buli muntu yenna anaabangako obulema tasemberanga: omuzibe w'amaaso oba awenyera oba eyayonooneka ennyindo, oba aliko ekintu kyonna ekisukkirira,
- 19 oba eyamenyeka okugulu, oba eyamenyeka omukono,
- 20 oba alina ebbango, oba mututuuli, oba aliko obulema ku liiso lye, oba alina obuwere, oba mubootongo, oba eyayatika enjagi;
- 21 tewabangawo muntu wa ku zzadde lya Aloonni kabona, aliko obulema, anaasemberanga okuwaayo ebiweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro: ng'aliko obulema; tasemberanga okuwaayo omugaati gwa Katonda we.
- 22 Anaalyanga ku mugaati gwa Katonda we, ku mugaati omutukuvu ennyo, era ne ku mutukuvu.
- 23 Kyokka tayingiranga awali eggigi, so tasembereranga kyoto, kubanga aliko obulema; alemenga okuvumisa awatukuvu wange: kubanga nze ndi Mukama atukuzaawo.
- 24 Awo Musa n'agamba Aloonni bw'atyo ne batabani be n'abaana bonna aba Isiraeri.

Essuula 22

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Gamba Aloonni ne batabani be, beewalenga ebintu ebitukuvu eby'abaana ba Isiraeri, bye batukuza gye ndi, era balemenga okuvumisa erinnya lyange ettukuvu: nze Mukama.
- 3 Bagambe nti Buli muntu yenna ow'oku zzadde lyammwe lyonna mu mirembe gyammwe gyonna, anaasembereranga ebintu ebitukuvu, abaana ba Isiraeri bye batukuza eri Mukama, ng'aliko obutali bulongoofu bwe, obulamu obwo bunaazikirizibwanga mu maaso gange: nze Mukama.
- 4 Buli muntu yenna ow'oku zzadde lya Aloonni aliko ebigenge oba alina enziku, talyanga ku bintu ebitukuvu okutuusa lw'aliba omulongoofu. Era buli anaakomanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu olw'abafu, oba omuntu avaamu amaanyi;
- 5 oba buli anaakomanga ku kyewalula kyonna ekiyinza okumufuula atali mulongoofu, oba ku muntu ayinza okumusiiga obutali bulongoofu, obutali bulongoofu bwonna bwaliko;
- 6 obulamu obwo obunaakomanga ku ebyo byonna anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi, so talyanga ku bintu ebitukuvu, wabula ng'anaabye omubiri gwe mu mazzi.
- 7 Awo enjuba ng'egudde, anaabanga mulongoofu; oluvannyuma anaalyanga ku bintu ebitukuvu, kubanga gwe mugaati gwe.
- 8 Ekinaafanga kyokka, oba ekinaataagulwataagulwanga ensolo, talyangako okweyonoona nakyo: nze Mukama.
- 9 Kyebanaavanga beekuuma kye nnabateresa, balemenga okubaako ekibi olw'ekyo, ne bafiira mu kyo bwe banaakivumisanga: nze ndi Mukama abatukuza.
- 10 Tewabangawo mugenyi anaalyanga ku kintu ekitukuvu: omuyise ali ne kabona, oba omusenze akolera empeera, talyanga ku kintu ekitukuvu.
- 11 Naye kabona bw'anaagulanga obulamu bwonna, agulibwa n'ebintu bye, oyo anaalyangako; n'abo abazaalirwa mu nnyumba ye, abo banaalyanga ku mugaati gwe.
- 12 Era muwala wa kabona bw'anaafumbirwanga omugenyi, talyanga ku kiweebwayo ekisitulibwa ku bintu ebitukuvu.
- 13 Naye muwala wa kabona bw'abanga nnamwandu, oba eyagobebwa, era nga talina

mwana, era ng'akomyewo mu nnyumba ya kitaawe, nga mu buto bwe, anaalyanga ku mugaati gwa kitaawe: naye tewabangawo mugenyi anaalyanga ku gwo.

- 14 Era omuntu bw'anaalyanga ku kintu ekitukuvu nga tamanyiridde, kale anaakigattangako ekitundu kyakyo eky'okutaano, n'awa kabona ekintu ekitukuvu.
- 15 So tebavumisanga bintu bitukuvu bya baana ba Isiraeri, bye bawaayo eri Mukama;
- 16 ne babaleetako (bwe batyo) obutali butuukirivu obuleeta omusango, bwe balya ku bintu byabwe ebitukuvu: kubanga nze ndi Mukama abatukuza.
- 17 Mukama n'agamba Musa nti
- 18 Yogera ne Alooni ne batabani be n'abaana bonna aba Isiraeri, obagambe nti Buli muntu yenna ow'oku nnyumba ya Isiraeri, oba ku bagenyi abali mu Isiraeri, anaawangayo ekitone lye, bwe kinaabanga obweyamo bwabwe bwonna, oba ekiweebwayo kyonna kye bawaayo ku bwabwe, kye bawaayo eri Mukama okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 19 (munaawangayo) ennume eteriiko bulema ku nte, ku ndiga, oba ku mbuzi, mulyoke mukkirizibwe.
- 20 Naye ekintu kyonna ekiriko obulema, ekyo temukiwangayo: kubanga tekiibenga kya kukkirizibwa ku lwammwe.
- 21 Era buli anaawangayo ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe eri Mukama okutuukiriza obweyamo, oba okuba ky'awaayo ku bubwe, ku nte oba ku mbuzi, enebanga ntuukirivu eryoke ekkirizibwe; tebangako bulema.
- 22 Enzibe y'amaaso, oba emmenyefu, oba ennema, oba eriko amabwa oba obuwere oba kabootongo, ezo temuziwangayo eri Mukama, so temubifuulanga ekiweebwayo n'omuliro eri Mukama ku kyoto.
- 23 Oba ente oba omwana gw'endiga eriko ekintu kyonna ekisukkirira oba ekitatuuka mu bitundu byayo, eyo oyinza okuwaayo okuba ky'owaayo ku bubwo: naye okuba obweyamo tekkirizibwenga.
- 24 Eyabetentebwa enjagi zaayo, oba eyanyigibwa, oba eyayatika, oba eyasalibwako ezo, temugiwangayo eri Mukama; so temukolanga bwe mutyo mu nsi yammwe.
- 25 So ne mu mukono gwa munnaggwanga temuwangayo mugaati gwa Katonda wammwe ogugendera ku ezo zonna; kubanga okwonooneka kwazo kuli mu zo, ziriko obulema: tezikkirizibwenga ku lwammwe.
- 26 Mukama n'agamba Musa nti
- 27 Ente oba ndiga oba mbuzi bw'eneezaalibwanga, eneemalanga ennaku musanvu ng'eyonka nnyina waayo; awo okuva ku lunaku olw'omunaana n'okukirawo enekkirizibwanga okuba ekitone ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 28 Era bw'eba ente oba ndiga, temugittanga yo n'omwana waayo byombi ku lunaku lumu.
- 29 Era bwe munaawangayo ssaddaaka ey'okwebaza eri Mukama, munaagiwangayo mulyoke mukkirizibwe.
- 30 Eneeriirwanga ku lunaku olwo; temugisigazangako okutuusa enkya: nze Mukama.
- 31 Kyemunaavanga mwekuuma ebiragiyo byange, ne mubikola: nze Mukama.
- 32 So temuvumisanga linnya lyange ttukuvu; naye njagala okutukuzibwanga mu baana ba Isiraeri: nze Mukama abatukuza,
- 33 eyabaggya mu nsi y'e Misiri okuba Katonda wammwe: nze Mukama.

Essuula 23

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Embaga endagire eza Mukama, ze munaalangiranga okuba okukuaana okutukuvu, zino ze mbaga zange endagire.

- 3 Ennaku omukaaga zinaakolerwangako omulimu: naye ku lunaku olw'omusanvu ye ssabbiiti ey'okuwummula ey'okwewombekerako, okukuaana okutukuvu; temukolanga mulimu gwonna: olwo ssabbiiti eri Mukama mu nnyumba zammwe zonna.
- 4 Zino ze mbaga endagire eza Mukama, kwe kukuaana okutukuvu, ze munaalangiranga mu ntuuko zaazo endagire.
- 5 Mu mwezi ogw'olubereberye, ku lunaku olw'ekkumi n'ennya akawungeezi, kwe Kuyitako kwa Mukama.
- 6 Ne ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogwo ye mbaga ey'emigaati egitazimbulukuswa eri Mukama: munaaliiranga ennaku musanvu emigaati egitazimbulukuswa.
- 7 Ku lunaku olw'olubereberye munaabanga n'okukuaana okutukuvu: temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono.
- 8 Naye munaaweerangayo ennaku musanvu ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama: ku lunaku olw'omusanvu wanaabangawo okukuaana okutukuvu; te mukolanga mulimu gwa mikono.
- 9 Mukama n'agamba Musa nti
- 10 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Bwe mulimala okuyingira mu nsi gye mbawa, ne mukungula ebikungulwa byayo, ne mulyokanga muleeta ekinywa eky'ebibereberye eby'ebikungulwa byammwe eri kabona:
- 11 naye anaawuubawubanga ekinywa mu maaso ga Mukama, okukkirizibwa ku lwammwe: ku lw'enkya oluddirira ssabbiiti kabona kw'anaakiwuubirawuubiranga.
- 12 Era ku lunaku kwe munaawuubirawuubiranga ekinywa, munaawangayo omwana gw'endiga omulume ogutaliiko bulema ogutannamala mwaka gumu okuba ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama.
- 13 N'ekiweebwayo kyako eky'obutta kinaabanga ebitundu bibiri eby'ekkumi ebya efa eby'obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama okuba evvumbe eddungi: n'ekiweebwayo kyako eky'okunywa kinaabanga kya nvinnyo, ekitundu eky'okuna ekya ini.
- 14 So temulyanga mugaati newakubadde eaano ensiike newakubadde ebirimba ebibisi, okutuusa olunaku olwo, okutuusa lwe munaamalanga okuleeta ekitone kya Katonda wammwe: lye tteeka eritaliggwaawo mu mireembe gyammwe gyonna mu nnyumba zammwe zonna.
- 15 Era muneebaliranga okuva ku lw'enkya oluddirira ssabbiiti, okuva ku lunaku kwe mwaleetera ekinywa eky'ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa; wanaabangawo ssabbiiti musanvu ennamba:
- 16 okutuusa olw'enkya oluddirira ssabbiiti ey'omusanvu munaabalanga ennaku ataano: awo munaawangayo ekiweebwayo eky'obutta obuggya eri Mukama.
- 17 Munaafulumyanga mu nnyumba zammwe emigaati ebiri egiwuubibwawuubibwa egy'ebitundu ebibiri eby'ekkumi ebya efa: ginaabanga gya butta bulungi, ginaayokebwanga n'ekizimbulukusa, okuba ebibereberye eri Mukama.
- 18 Era munaaleetanga wamu n'emigaati abaana b'endiga musanvu abataliiko bulema abatannamala mwaka gumu, n'ente ento emu, n'endiga ennume bbiri: zinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama, wamu n'ekiweebwayo kyako eky'obutta, n'ebiweebwayo byako eby'okunywa, kye kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.
- 19 Era munaawangayo embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'abaana b'endiga abalume babiri abatannamala mwaka gumu okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe.
- 20 Kale kabona anaaziwuubanga wamu n'emigaati egy'ebibereberye okuba ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa mu maaso ga Mukama, wamu n'abaana b'endiga bombi:

binaabanga bitukuvu eri Mukama bya kabona.

- 21 Era munaalangiranga ku lunaku olwo; wanaabangawo okukuana okutukuvu gye muli: temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono: lye tteeka eritaliggwaawo mu nnyumba zammwe zonna mu mirembe gyammwe gyonna.
- 22 Era bwe munaakungulanga ebikungulwa eby'ensi yammwe, tomaliranga ddala kukungula nsonda za nnimiro yo, so tolondanga ebyerebwa eby'ebikungulwa byo: onoobirekeranga omwavu n'omugenyi: nze Mukama Katonda wammwe.
- 23 Mukama n'agamba Musa nti
- 24 Gamba abaana ba Isiraeri nti Mu mwezi ogw'omusanvu, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi, wanaabangawo okuwummula okw'okwewombeeka gye muli, ekijjukizo eky'okufuuwa amakondeere, okukuaana okutukuvu.
- 25 Temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono: era munaawangayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 26 Mukama n'agamba Musa nti
- 27 Naye ku lunaku olw'ekumi olw'omwezi ogwo ogw'omusanvu lwe lunaku olw'okutangirirako: lunaabanga kukuaana kutukuvu gye muli, nammwe munaabonerezanga obulamu bwammwe; era munaawangayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 28 So temukolanga mulimu gwonna ku luaaku olwo: kubanga lwe lunaku olw'okutangirirako, okubatangirira mu maaso ga Mukama Katonda wammwe.
- 29 Kubanga buli bulamu bwonna obutaabonerezebwenza ku lunaku olwo, anaazikirizibwanga mu bantu be.
- 30 Era buli bulamu bwonna obunaakolanga omulimu gwonna ku lunaku olwo, obulamu obwo naabuzikirizanga mu bantu be.
- 31 Temukolanga mulimu gwonna: lye tteeka eritaliggwaawo mu mirembe gyammwe gyonna mu nnyumba zammwe zonna.
- 32 Lunaabanga gye muli ssabbiiti ey'okuwummula ey'okwewombeekerako, nammwe munaabonerezanga obulamu bwammwe: ku lunaku olw'omwenda olw'omwezi akawungeezi, okusooka akawungeezi okutuusa akawungeezi, muneekuumanga ssabbiiti yammwe.
- 33 Mukama n'agamba Musa nti
- 34 Gamba abaana ba Isiraeri nti Ku lunaku olw'ekumi n'ettaano olw'omwezi guno ogw'omusanvu wanaabangawo embaga ey'ensiisira okumala ennaku musanvu eri Mukama.
- 35 Ku lunaku olw'olubereberye wanaabangawo okukuaana okutukuvu: temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono.
- 36 Munaaweerangayo ennaku musanvu ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama: ku lunaku olw'omunaana wanaabangawo okukuaana okutukuvu gye muli; nammwe munaawangayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama: kwe kukuaana okukulu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono.
- 37 Ezo ze mbaga endagire eza Mukama, ze munaalangiranga okuba okukuaana okutukuvu okuwangayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama, ekiweebwayo ekyokebwa, n'ekiweebwayo eky'obutta, ssaddaaka, n'ebiweebwayo eby'okunywa, kinnakimu ku lunaku lwakyo:
- 38 obutassaako ssabbiiti za Mukama, n'ebirabo byammwe, n'obweyamo bwammwe bwonna, n'ebyo byonna bye muwaayo ku bwammwe, bye muwa Mukama.
- 39 Naye ku lunaku olw'ekumi n'ettaano olw'omwezi ogw'omusanvu, bwe munaamalanga ok'ukungula ebibala by'ensi, muneekuumiranga embaga ya Mukama ennaku musanvu: ku lunaku olw'olubereberye wanaabangawo okuwummula okw'okwewombeeka, ne ku lunaku olw'omunaana wanaabangawo okuwummula

okw'okwewombeeka.

- 40 Era ku lunaku olw'olubereberye muneetwaliranga ebibala by'emiti emirungi, amatabi g'enkindu, n'amatabi g'emiti emiziyivu, n'emiti egy'oku migga; era munaasanyukiranga ennaku musanvu mu maaso ga Mukama Katonda wammwe.
- 41 Era munaagyekuimiranga okuba embaga eri Mukama ennaku musanvu buli mwaka: lye tteka eritaliggwaawo mu mirembe gyammwe: munaagyekuimiranga mu mwezi ogw'omusanvu.
- 42 Munaamalanga ennaku musanvu mu nsiisira: enzaalwa bonna ab'omu Isiraeri banaatulanga mu nsiisira:
- 43 emirembe gyammwe giryoke gimanyenga nga natuuzza abaana ba Isiraeri mu nsiisira, bwe nnabaggya mu nsi y'e Misiri: nze Mukama Katonda wammwe.
- 44 Awo Musa n'abuulira abaana ba Isiraeri embaga endagire eza Mukama.

Essuula 24

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Lagira abaana ba Isiraeri, bakuleetere amafuta amalungi aga zeyituuni amakube olw'ettabaaza, okwasanga ettabaaza olutata.
- 3 Ebweru w'eggigi ery'obujulirwa, mu weema ey'okusisinkanirangamu, Alooni w'anaagirongooserezanga okusooka akawungeezi okutuusa enkya mu maaso ga Mukama olutata: linaabanga tteka eritaliggwaawo mu mirembe gyammwe gyonna.
- 4 Ettabaaza anaazirongooserezanga ku kikondo ekirongoofu mu maaso ga Mukama olutata.
- 5 Era onoddiranga obutta obulungi, n'oggyamu emigaati kkumi n'ebiri emyokye: ebitundu bibiri eby'ekkumi ebya efa binaabanga mu mugaati gumu.
- 6 Era onoogitegekanga embu bbiri, buli lubu mukaaga, ku mmeeza ennongoofu mu maaso ga Mukama.
- 7 Era onooteekanga omugavu omulongoofu ku buli lubu, gubeerenga ekijjukizo eri emigaati, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 8 Buli ssabbiiti anaagitegekanga mu maaso ga Mukama olutata; ye ndagaano eteriggwaawo ku lw'abaana ba Isiraeri.
- 9 Era ginaabanga gya Alooni ne batabani be; era banaagiriiranga mu kifo ekitukuvu: kubanga mitukuvu nnyo gyali ku biweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro olw'etteeka eritaliggwaawo.
- 10 Awo mutabani w'omukazi Omuisiraeri, kitaawe Mumisiri, n'afuluma n'agenda mu baana ba Isiraeri: mutabani w'omukazi Omuisiraeri n'omusajja wa Isiraeri ne bawakanira mu lusiisira;
- 11 mutabani w'omukazi Omuisiraeri n'avvoola Erinnya n'akolima; ne bamuleetera Musa. Ne nnyina erinnya lye Seromisi, muwala wa Dibuli, ow'omu kika kya Ddaani.
- 12 Ne bamusiba belyoke babuulirwe mu kamwa ka Mukama.
- 13 Mukama n'agamba Musa nti
- 14 Oyo akolimye mumufulumye ebweru w'olusiisira; n'abo bonna abamuwulidde bateeke emikono gyabwe ku mutwe gwe, ekibiina kyonna kimukube amayinja.
- 15 Era onoogamba abaana ba Isiraeri nti Buli anaakolimiranga Katonda we anaabangako ekibi kye.
- 16 N'oyo anavvoolanga erinnya lya Mukama talemanga kuttibwa; ekibiina kyonna tekiremanga kumukuba mayinja: omugenyi naye era n'enzaalwa, bw'anawoolanga erinnya lya Mukama, anattibwanga.
- 17 N'oyo anaakubanga omuntu yenna n'amutta talemanga kuttibwa;
- 18 n'oyo anaakubanga ensolo n'agitta anaagiriwanga: obulamu olw'obulamu.

- 19 Era omuntu bw'anaalemazanga muliraanwa we; nga bw'akoze, bw'anaakolebwanga bw'atyo;
- 20 ekinuubule olw'ekinuubule, eriiso olw'eriiso, erinnyo olw'erinnyo: nga bw'alemazizza omuntu, bw'anaasasulibwanga bw'atyo.
- 21 N'oyo anattanga ensolo anaagiriwanga: n'oyo anattanga omuntu anattibwanga.
- 22 Munaabanga n'etteeka limu eri omugenyi era n'enzaalwa: kubanga nze Mukama Katonda wammwe.
- 23 Awo Musa n'agamba abaana ba Isiraeri, oyo eyakolima ne bamufulumya ebweru w'olusiisira; ne bamukuba amayinja. Abaana ba Isiraeri ne bakola nga Mukama bwe yalagira Musa.

Essuula 25

- 1 Mukama n'agambira Musa ku lusozi Sinaayi nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Bwe muliyingira mu nsi gye mbawa, ensi n'eryokanga yeekuuma ssabbiiti eri Mukama.
- 3 Ennimiyo yo onoogisigiranga emyaka mukaaga, n'olusuku lwo olw'emizabbibu onoolusaliriranga emyaka mukaaga, n'okungula ebibala byalwo;
- 4 naye mu mwaka ogw'omusanvu wanaabangawo ssabbiiti ey'okuwummula ey'okwe-wombeekerako eri ensi, ssabbiiti eri Mukama: tosiganga nnimiyo yo, so tosaliranga lusuku lwo.
- 5 Ekyo ekimera kyokka ku bikungulwa byo tokikungulanga, ne zabbibu ez'oku muzabbibu gwo ogutali musalire tozinoganga: gunaabanga mwaka gwa kuwummula okw'okwewombeeka eri ensi.
- 6 Era ssabbiiti ey'ensi eneebanga kya kulya gye muli; eri ggwe n'eri omuddu wo n'omuzaana wo, n'omusenze wo akolera empeera n'omugenyi wo atuula naawe;
- 7 n'eri ebisibo byo n'ensolo eziri mu nsi yo, ekyengera kyayo kyonna kinaabanga kya kulya.
- 8 Era oneebaliranga ssabbiiti musanvu ez'emyaka, emyaka musanvu emirundi musanvu; era wanaabangawo gy'oli ennaku eza ssabbiiti musanvu ez'emyaka, gye myaka ana mu mwenda.
- 9 Awo n'olyokanga otambuza ekkondeere ery'eddoozi eddene ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi ogw'omusanvu ku lunaku olw'okutangirirako kwe munaatambulizanga ekkondeere okubunya ensi yammwe yonna.
- 10 Era munaatukuzanga omwaka ogw'ataano, ne mulangira eddembe mu nsi yonna eri abo bonna abagituulamu: gunaabanga jjubiri gye muli; era munaakomangawo buli muntu mu butaka bwe, era munaakomangawo buli muntu mu nda ze.
- 11 Omwaka ogwo ogw'ataano gunaabanga jjubiri gye muli: temusiganga, so temukungulanga ekyo ekimera kyokka mu gwo so temunoganga mu gwo ku mizabbibu egitali misalire.
- 12 Kubanga jjubiri; gunaabanga mutukuvu gye muli: munaalyanga ekyengera kyagwo nga mukiggya mu nnimiyo.
- 13 Mu mwaka ogwo ogwa jjubiri mwe munaakomerangawo buli muntu mu butaka bwe.
- 14 Era bw'onooguzanga muliraanwa wo ekintu kyonna, oba by'onoogulanga mu mukono gwa muliraanwa wo, temulyazaamaanyagananga:
- 15 ng'omuwendo gw'emyaka bwe guli egiddiridde jjubiri, bw'onoogulaananga ne muliraanwa wo, era ng'omuwendo gw'emyaka egy'ebikungulwa bwe guli bw'anaakuguzanga.
- 16 Ng'emyaka bwe ginenkananga obungi bw'onooyongera bw'otyo ku muwendo gwakyo, era ng'emyaka bwe ginenkananga obutono bw'onoosalanga bw'otyo ku

- muwendo gwakyo; kubanga omuwendo gw'ebikungulwa gw'akuguza.
- 17 So temulyazaamaanyagananga; naye otyanga Katonda wo: kubanga nze Mukama Katonda wammwe.
 - 18 Kye munaavanga mukola amateeka gange, ne mwekuumanga emisango gyange ne mugikola; era munaatuulanga mu nsi mirembe.
 - 19 Era ensi eneebalanga ebibala byayo, nammwe munaalyanga okukkuta, ne mutuula omwo mirembe.
 - 20 Era bwe munaayogeranga nti Tulirya ki mu mwaka ogw'omusanvu? laba, tetulisiga, so tetulikungula kyengera kyaffe:
 - 21 kale naalagiranga omukisa gwange okubeera ku mmwe mu mwaka ogw'omukaaga, era gunaabalanga ebibala eby'emyaka gyonsatule.
 - 22 Era munaasiganga mu mwaka gw'omunaana, ne mulya ku bibala ebyaterekebwa edda; okutuusa ku mwaka ogw'omwenda, ebibala byayo lwe birituuka, munaalyanga ku byaterekebwa edda.
 - 23 So ensi tetundibwanga okugiviiramu ddala ennaku zonna; kubanga ensi yange: kubanga muli bagenyi era abayise gye ndi.
 - 24 Ne mu nsi yonna ey'obutaka bwammwe munakkirizanga ensi okununulibwa.
 - 25 Muganda wo bw'aba ng'ayavuwadde, n'atunda ku butaka bwe, kale muganda we asinga okumuba okumpi mu luganda anajjanga, n'anunula ekyo muganda we ky'atunze.
 - 26 Era omuntu bw'atabangako anaakinunula, era ng'agaggawadde n'alaba ebinaamala okukinunula;
 - 27 awo abalanga emyaka gye kyatundirwamu n'addiza ebisukkiriddemu amuntu gwe yakiguza; naye anaddanga mu butaka bwe.
 - 28 Naye bw'aba nga tayinza kukyeddiza, kale ekyo kye yatunda kinaabeeranga mu mukono gw'oyo eyakigula okutuusa ku mwaka gwa jjubiri: awo kinaagenderanga mu jjubiri, naye anaddanga mu butaka bwe.
 - 29 Era omuntu bw'atundanga ennyumba ey'okutuulamu mu kibuga ekiriko bbugwe, kale anaayinzanga okuginunula omwaka omulamba nga tegunnaggwaako kasookedde etundibwa; anaamalanga omwaka omulamba ng'alina obuyinza obw'okununula.
 - 30 Era bw'eteenunulirwanga mu bbanga ery'omwaka omulamba, kale ennyumba eri mu kibuga ekiriko bbugwe eneefuukiranga ddala y'oyo eyagigula okuba eyiye ennaku zonna, mu mirembe gye gyonna: tegenderanga mu jjubiri.
 - 31 Naye ennyumba ez'omu byalo ebitaliiko bbugwe okubyetooloola zinaabalirwanga wamu n'ennimiro ez'omu byalo: zinaayinzikanga okununulibwa, era zinaagenderanga mu jjubiri.
 - 32 Naye ebibuga eby'Abaleevi, ennyumba ez'omu bibuga eby'obutaka bwabwe, Abaleevi banaayinzanga okuzinunula mu biro byonna.
 - 33 Era omu ku Baleevi bw'anaanunulanga, kale ennyumba eyatundibwa, n'ekibuga eky'obutaka bwe, binaagenderanga mu jjubiri: kubanga ennyumba ez'omu bibuga eby'Abaleevi bwe butaka bwabwe mu baana ba Isiraeri.
 - 34 Naye ennimiro ey'omu byalo ebiriraanye ebibuga byabwe tetundibwanga; kubanga bwe butaka bwabwe olw'ennaku zonna.
 - 35 Era muganda wo bw'aba ng'ayavuwadde, omukono gwe ne guggwaamu amaanyi gy'oli; kale onoomuyambanga: anaatuulanga naawe ng'omugenyi era ng'omuwaan-guse.
 - 36 Tomutwalangako magoba newakubadde ebisukkirira; naye otyanga Katonda wo: muganda wo alyoke atuulenga naawe.
 - 37 Tomuwolanga bintu byo lwa magoba, so tomuwanga byakulya byo olw'ebisukkirira.
 - 38 Nze Mukama Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri, okubawa ensi ya

Kanani, okuba Katonda wammwe.

- 39 Era muganda wo bw'aba ng'ayavuwalidde gy'oli, ne yeetunda gy'oli; tomufuulanga muddu okukuweerezanga:
- 40 anaabeeranga name ng'omusenze akolera empeera era ng'omuwaanguse; anaakuweerezanga okutuusa ku mwaka gwa jjubiri:
- 41 n'alyokanga akuvaako, ye n'abaana be awamu naye, n'adda mu nda ze ye, ne mu butaka bwa bakitaawe mw'anaddiranga.
- 42 Kubanga baddu bange, be nnaggya mu nsi y'e Misiri: tebatundibwanga okuba abaddu.

- 43 Tomufuganga lwa maanyi; naye otyanga Katonda wo.
- 44 N'abaddu bo, n'abazaana bo, b'onoobanga nabo; ku mawanga agabeetoolodde, ku abo kwe munaagulanga abaddu n'abazaana.
- 45 Era ku baana b'abagenyi abatuula mu mmwe, ku abo kwe munaagulanga ne ku anda zaabwe eziri nammwe, be baazaalira mu nsi yammwe: nabo banaabanga nvuma zammwe.
- 46 Era munaabafuulanga obusika eri abaana bammwe abanaabaddiriranga okuba nabo okuba envuma; ku abo kwe munaatwalanga abaddu bammwe ennaku zonna: naye baganda bammwe abaana ba Isiraeri temubafuganga mwekka na mwekka lwa maanyi.
- 47 Era omugenyi oba muwaanguse ali naawe bw'aba ng'agaggawadde, ne muganda wo ng'ayavuwalidde gy'ali, ne yeetunda eri omugenyi oba muwagganguse ali naawe, oba eri olukolo lw'enda z'omuwaanguse:
- 48 bw'anaamalanga okutundibwa anaayinzanga okununulibwa; omu ku baganda be anaayinzanga okumununula:
- 49 oba kojja we, oba mutabani wa kojja we, anaayinzanga okumununula; oba omuntu yenna ku nda ze amuli okumpi mu luganda anaayinzanga okumununula oba bw'aba ng'agaggawadde, anaayinzanga okwenunula yekka.
- 50 Era anaabaliranga oyo eyamugula okuva ku mwaka mwe yeetundira gy'ali okutuusa ku mwaka gwa jjubiri: n'omuwendo ogw'okutundibwa kwe gunaabanga ng'omuwendo gw'emyaka bwe gunaabanga; ng'ebiro eby'omusenze akolera empeera bwe biri bw'atyo bw'anaabanga naye.
- 51 Oba ng'ekyasigaddeyo emyaka mingi, ng'egyo bwe giri bw'anazzanga bw'atyo ku muwendo ogw'okununulibwa kwe ng'aguggya ku bintu ebyamugula.
- 52 Era oba ng'ekyasigaddeyo emyaka mitono okutuusa ku mwaka gwa jjubiri, kale anaamubaliranga; ng'emyaka gye bwe giri bw'anazzanga bw'atyo omuwendo ogw'okununulibwa kwe.
- 53 Anaabanga naye ng'omusenze akolera empeera buli mwaka: tamufuganga lwa maanyi mu maaso go.
- 54 Era bw'ataanunulibwenga bw'atyo, kale anaagenderanga mu mwaka gwa jjubiri, ye n'abaana be awamu naye.
- 55 Kubanga abaana ba Isiraeri baddu gye ndi; be baddu bange be nnaggya mu nsi y'e Misiri: nze Mukama Katonda wammwe.

Essuula 26

- 1 Temwekoleranga bifaananyi, so temwesimbiranga kifaananyi kyole, newakubadde empagi, so temuteekanga mu nsi yammwe jjinja lyonna eririko enjola, okulivuunamiranga: kubanga nze Mukama Katonda wammwe.
- 2 Mwekumanga ssabbiiti zange, ne mussangamu ekitiibwa awatukuvu wange: nze Mukama.
- 3 Bwe munaatambuliranga mu mateeka gange ne mwekumanga ebiragiro byange ne

mubikola;

- 4 kale naawanga enkuba yammwe mu ntuuko zaayo, n'ensi eneebalanga ekyengera kyayo, n'emiti egy'omu nnimiro ginaabalanga ebibala byagyo.
- 5 N'okuwuula kwammwe kunaatuukanga ku kunoga zabbibu, n'okunoga kunaatuukanga ku biro eby'okusigiramu: era munaalyanga emigaati gyammwe okukkuta, ne mutuula mu nsi yammwe mirembe.
- 6 Nange naawanga emirembe mu nsi, era munaagalamiranga so tewaabenga anaabatisanga: era ndimalawo ensolo embi mu nsi, so n'ekitala tekiiyitenga mu nsi yammwe.
- 7 Nammwe munaagobanga abalabe bammwe, era bannagwanga mu maaso gammwe n'ekitala.
- 8 Era abataano ku mmwe banaagobanga ekikumi, n'ekikumi ku mmwe banaagobanga akakumi: n'abalabe bammwe banaagwanga mu maaso gammwe n'ekitala.
- 9 Era naabassangako omwoyo, ne mbazaalisa, ne mbaaza; era naanywezanga endagaano yange nammwe.
- 10 Era munaalyanga ku byaterekebwa edda ebyaludde, era munaafulumyanga eby'edda olw'ebigya.
- 11 Era naateekanga ennyumba yange mu mmwe: n'obulamu bwange tebuubakyawenga.
- 12 Era naatambuliranga mu mmwe ne mbeera Katonda wammwe, nammwe munaabanga bantu bange.
- 13 Nze Mukama Katonda wammwe eyabaggya mu nsi y'e Misiri, muleme okuba abaddu baabwe; era mmenye ebisiba eby'ekikoligo kyammwe, ne mbatambuza nga mwesimbye.
- 14 Naye bwe mutampulirenga ne mutakola biragiyo bino byonna:
- 15 era bwe munaagaananga amateeka gange, n'obulamu bwammwe bwe bunaakyawanga emisango gyange, n'obutakola ne mutakolzinga biragiyo byange byonna, naye ne muleka endagaano yange:
- 16 nange naabakolanga bwe nti; naalagiranga entiisa okubeera ku mmwe, akakono n'omusujja, ebinaamalangamu amaaso, ne bikoozimbya obulamu: era munaasigiranga busa ensigo zammwe, kubanga abalabe bammwe banaaziryanga.
- 17 Era naabolekezanga amaaso gange, nammwe munaakubibwanga mu maaso g'abalabe bammwe: ababakyawa be banaabafuganga; era munaddukanga nga tewali agoba.
- 18 Era n'ebyo byonna bwe binaalemwanga okubampuliza, kale ndyeyongeranga emirundi musanvu okubabonereza olw'ebibi byammwe.
- 19 Era naamenyanga amalala ag'obuyinza bwammwe; era naafuulanga eggulu lyammwe okuba ng'ekyuma, n'ettaka lyammwe okuba ng'ekikomo:
- 20 n'amaanyi gammwe ganaagenderanga busa: kubanga ensi yammwe teebalanga kyengera kyayo, so n'emiti egy'omu nsi tegiibalanga bibala byagyo.
- 21 Era bwe munaatambuliranga mu kuyomba nange, ne mutampulira; ndyeyongeranga emirundi musanvu okubaleetako ebibonyoobonyo ng'ebibi byammwe bwe binaabanga.
- 22 Era naasindikanga mu mmwe ensolo ey'omu nsiko, eneebanyagangako abaana bammwe, era eneezikirizanga ebisibo byammwe, era eneebakendeezanga; n'amakubo gammwe ganaazikanga:
- 23 Era n'ebyo bwe binaalemwanga okubakomyawo gye ndi, naye ne mutambuliranga mu kuyomba nange;
- 24 kale nange naatambuliranga mu kuyomba nammwe; era naabakubanga emirundi musanvu, nze mwene, olw'ebibi byammwe.
- 25 Era naabaleetangako ekitala, ekinaawalananga eggwanga ery'endagaano; era munaakuaanyizibwanga wamu mu bibuga byammwe: era naasindikanga kawumpuli ku mmwe; era munaagabulwanga mu mukono gw'omulabe.

- 26 Bwe nnaamenyanga omuggo gwammwe ogw'omugaati, abakazi kkumi banaayokeranga emigaati gyammwe mu kabiga kamu, era banazzanga nate emigaati gyammwe nga bagipimye mu minzani: era munaalyanga ne mutakutta.
- 27 Era n'ebyo byonna bwe binaalemwanga okubampuliza, naye ne mutambuliranga mu kuyomba nange;
- 28 kale naatambuliranga mu kuyomba nammwe mu kiruyi; era naababonerezanga emirundi musanvu olw'ebibi byammwe.
- 29 Era munaalyanga ennyama ya batabani bammwe, n'ennyama ya bawala bammwe gye munaalyanga.
- 30 Era naazikirizanga ebifo byammwe ebigulumivu ne nsuulira ddala ebifaananyi byammwe eby'enjuba, ne nsuula emirambo gyammwe ku mirambo gy'ebifaananyi byammwe; n'obulamu bwange bunaabakyawanga.
- 31 Era naazisanga ebibuga byammwe, era naafuulanga awatukuvu wammwe malungu, so siiwulirenga lusu lw'akaloosa kammwe.
- 32 Era naafuulanga ensi ddungu: n'abalabe bammwe abagituulamu banaagyewuunyanga.
- 33 Nammwe naabasaasaanyanga mu mawanga, ne nsowola ekitala okubagoberera: n'ensi yammwe eneebanga ddungu, n'ebibuga byammwe binaazikanga.
- 34 Awo ensi n'eryokanga esanyukira ssabbiiti zaayo, ennaku zonna z'eneezikiranga nammwe nga muli mu nsi y'abalabe bammwe; awo ensi n'eryokanga ewummula n'esanyukira ssabbiiti zaayo.
- 35 Ennaku zonna z'eneezikiranga eneewummulanga; okuwummula okwo kw'etabanga nakwo ku ssabbiiti zammwe nga mukyalimu.
- 36 N'abo abanaasigalangawo ku mmwe, naasindikanga obutabaamu mwoyo mu mutima gwabwe mu nsi z'abalabe baabwe: n'eddoboozi ly'akasubi akamenyeka linaabagobanga; era banaddukanga ng'omuntu bw'adduka ekitala; era banaagwanga nga tewali agoba.
- 37 Era banaalinnyagananga bokka na bokka, ng'abadduka ekitala, nga tewali agoba: so temuubenga na maanyi okuyimirira mu maaso g'abalabe bammwe.
- 38 Era munaazikiriranga mu mawanga, n'ensi y'abalabe bammwe eneebalyanga.
- 39 N'abo abanaasigalangawo ku mmwe banaakoozimbiranga mu butali butuukirivu bwabwe mu nsi z'abalabe bammwe; era ne mu butali butuukirivu bwa bajjajja baabwe mwe banaakoozimbiranga wamu nabo.
- 40 Era banaayatulanga obutali butuukirivu bwabwe, n'obutali bu tuukirivu bwa bajjajja baabwe, mu kusobya kwabwe kwe bansobyako, era nga tebaatambula nange,
- 41 era nga kyennaava ntambulira nange mu kuyomba nabo ne mbaleeta mu nsi y'abalabe baabwe, kubanga baatambulira mu kuyomba nange: kale omutima gwabwe ogutali mukomole bwe gunaatoowazibwanga, kale ne bakkiriza okubonerezebwa kw'obutali butuukirivu bwabwe;
- 42 awo ne ndyoka njjukira endagaano yange gye nnalagaana ne Yakobo; era n'endagaano gye nnalagaana ne Isaaka, era n'endagaano yange gye nnalagaana ne Ibulayimu naagijjukiranga: era najjukiranga ensi.
- 43 Era ensi banaagirekanga, n'esanyukira ssabbiiti zaayo, ng'ekyazise bo nga tebaliimu; era banakkirizanga okubonerezebwa kw'obutali butuukirivu bwabwe: kubanga baa-gaana emisango gyange, eyo ye nsonga, n'obulamu bwabwe ne bukyawa amateeka gange.
- 44 Era naye ebyo byonna nga bimaze okubaawo, bwe banaabanga nga bali mu nsi y'abalabe baabwe, siibagaanenga, so siibakyawenga, okubazikiririza ddala, n'okuleka endagaano yange gye nnalagaana nabo: kubanga nze Mukama Katonda waabwe:
- 45 naye najjukiranga ku lwabwe endagaano ya bajjajja baabwe, be nnaggya mu nsi y'e Misiri mu maaso g'amawanga, ndyoke mbeerenga Katonda waabwe: nze Mukama.

46 Ago ge mateeka n'emisango n'ebiragiro Mukama bye yassaawo wakati we n'abaana ba Isiraeri ku lusozi Sinaayi n'omukono gwa Musa.

Essuula 27

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Omuntu bw'anaatuukirizanga obweyamo, emibiri ginaabanga gya Mukama ng'okubala kwo bwe kunaabanga.
- 3 N'okubala kwo okw'omusajja eyaakamaze emyaka abiri okutuusa ku myaka enkaaga, okubala kwo kunaabanga sekeri za ffeeza ataano, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri.
- 4 Era bw'anaabanga ow'obuwala, kale okubala kwo kunaabanga sekeri asatu.
- 5 Era bw'anaabanga yaakamaze emyaka etaano okutuusa ku myaka abiri, kale okubala kwo okw'ow'obulenzi kunaabanga sekeri abiri, n'okw'ow'obuwala sekeri kkumi.
- 6 Era bw'anaabanga yaakamaze mwezi gumu okutuusa ku myaka etaano, kale okubala kwo okw'ow'obulenzi kunaabanga sekeri za ffeeza ttaano, n'okubala kwo okw'ow'obuwala kunaabanga sekeri za ffeeza ssatu.
- 7 Era bw'anaabanga yaakamaze emyaka enkaaga n'okukirawo; bw'anaabanga omusajja, kale okubala kwo kunaabanga sekeri kkumi na ttaano, n'okw'omukazi sekeri kkumi.
- 8 Naye bw'anaabanga omwavu okusinga okubala kwo, kale anaayimirizibwanga mu maaso ga kabona, kabona n'amusalira omuwendo; ng'obuyinza bw'oyo eyeeyama bwe bunaabanga, bw'atyo kabona bw'anaamusaliranga.
- 9 Era bw'eneebanga ensolo, abantu gye bawaya okuba ekirabo eri Mukama, byonna omuntu yenna by'anaawangayo ku ezo eri Mukama binaabanga bitukuvu.
- 10 Tagikyusanga so tagiwaanyisanga, ekirungi mu kifo ky'ekibi, oba ekibi mu kifo ky'ekirungi: n'okuwaanyisa bw'anaawaanyisanga ensolo n'ensolo, kale eyo era n'eri ezze mu kifo kyayo zombi zinaabanga ntukuvu.
- 11 Era bw'eneebanga ensolo yonna eteri nnongoofu, gye batawaya okuba ekitone eri Mukama, awo anaayimirizanga ensolo mu maaso ga kabona:
- 12 kale kabona anaagiramulanga, oba nga nnungi oba nga mbi: nga ggwe kabona bw'onoogiramulanga, bw'eneebanga bw'etyo.
- 13 Naye okununula bw'anaayagalanga okuginunula, kale anaagatangako ekitundu kyayo eky'okutaano ku bintu by'olamudde.
- 14 Era omuntu bw'anaatukuzanga ennyumba ye okuba entukuvu eri Mukama, kale kabona anaagiramulanga, oba nga nnungi oba nga mbi: nga kabona bw'anaagiramulanga, bw'eneebanga bw'etyo.
- 15 Era oyo eyagitukuza bw'anaayagalanga okununula ennyumba ye, kale anaagatangako ekitundu eky'okutaano eky'ebintu by'olamudde, n'eba yiye.
- 16 Era omuntu bw'anaatukuzanga eri Mukama ekitundu ky'ennimiro y'obutaka bwe, kale okulamula kwo kunaabanga ng'okusigibwa kwayo bwe kunaabanga okusiga kwa komeri ogwa sayiri kunaalamulwanga sekeri eza ffeeza ataano.
- 17 Bw'anaatukuzanga ennimiro ye okuva ku mwaka gwa jjubiri, eneebanga ng'okulamula kwo bwe kunaabanga.
- 18 Naye bw'anaatukuzanga ennimiro ye jjubiri nga guweddeko, kale kabona anaamubaliranga ebintu ng'emyaka bwe giri egikyasigaddeyo okutuusa ku mwaka gwa jjubiri, ne bakendeeza ku bintu bye walamula.
- 19 N'okununula oyo eyatukuza ennimiro bw'anaayagalanga okuginunula, kale anaagatangako ekitundu eky'okutaano eky'ebintu bye walamula, n'efuukira ddala yiye.
- 20 Era bw'ataayagalanga kununula nnimiro, oba bw'aba ng'aguzizza ennimiro omulala, tekyanunulibwanga nate;

- 21 naye ennimiro bw'eneegenderanga mu jjubiri, eneebanga ntukuvu eri Mukama, ng'ennimiro eyawongebwa; eneebanga ya kabona ya nvuma.
- 22 Era bw'anaatukuzanga eri Mukama ennimiro gye yagula, eteri ya mu nnimiro ya butaka bwe;
- 23 kale kabona anaamubaliranga omuwendo gw'ebintu bye walamula okutuusa ku mwaka gwa jjubiri: era anaawanga ebintu bye walamula ku lunaku olwo, ng'ekintu ekitukuvu eri Mukama.
- 24 Mu mwaka gwa jjubiri ennimiro eneddanga eri oyo eyagitunda, ye nannyini butaka obw'ennimiro.
- 25 N'okulamula kwo kwonna kunaabanga nga sekeri bw'eri ey'omu watukuvu: gera amakumi abiri zinaabanga sekeri.
- 26 Wabula eggula enda mu nsolo, ebeera eya Mukama eggula enda, tewabangawo anaagitukuzanga; oba nga nte, oba nga ndiga, eba ya Mukama.
- 27 Era bw'eneebanga ya ku nsolo eteri nnongoofu, kale anaaginunulanga ng'okulamula kwo bwe kunaabanga, n'agattako ekitundu kyako eky'okutaano: oba bw'eteenunulibwanga, kale eneetundibwanga ng'okulamula kwo bwe kunaabanga.
- 28 Naye tewabanga kiatu ekyawongebwa, omuntu ky'anaawongeranga Mukama ku byonna by'alina, oba nga muntu oba nga nsolo, oba nga nnimiro ya butaka bwe, ekinaatundibwanga oba ekinaanunulibwanga: buli kintu ekyawongebwa kiba kitukuvu nnyo eri Mukama.
- 29 Tewabanga eyawongebwa, anaawongebwanga ku bantu, anaanunulibwanga; tale-manga kuttibwa.
- 30 Era ebitundu byonna eby'ekkumi eby'ensi, oba nga bya nsigo za nsi, oba nga bya bibala bya muti, bya Mukama: biba bitukuvu eri Mukama.
- 31 Era omuntu bw'anaayagalanga okununula ku bitundu bye eby'ekkumi, anaagattangako ekitundu kyabyo eky'okutaano.
- 32 Era ebitundu byonna eby'ekkumi eby'ente oba eby'endiga, buli eyita wansi w'omuggo, ebitundu eby'ekkumi binaabanga bitukuvu eri Mukama.
- 33 Takeberanga oba nga nnungi oba nga mbi so tagiwaanyisanga: n'okuwaanyisa bw'anaagiwaanyisanga, kale eyo era n'eri ezze mu kifo kyayo zombi zinaabanga ntukuvu: tenunulibwanga.
- 34 Ebyo bye biragiro, Mukama bye yalagira Musa olw'abaana ba Isiraeri ku lusozi Sinaayi.

Okubala

Essuula 1

- 1 Awo Mukama n'ayogerera ne Musa mu ddungu lya Sinaayi, mu weema ey'okusisinkanirangamu, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'okubiri, mu mwaka ogw'okubiri nga bamaze okuva mu nsi y'e Misiri, ng'ayogera nti
- 2 Mubale omuwendo gw'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, ng'enda zaabwe bwe ziri, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, ng'omuwendo gw'amannya bwe guli, buli musajja, ng'emitwe gyabwe bwe giri;
- 3 abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abayinza okutabaala mu Isiraeri, ggwe ne Alooni mulibabala ng'eggye lyabwe bwe liri.
- 4 Era waliba wamu nammwe omusajja ow'omu buli kika; buli muntu omutwe gw'ennyumba ya bakitaawe.
- 5 Era gano ge mannya g'abasajja abaliyimirira awamu nammwe: ku Lewubeeni; Erizuli mutabani wa Sedewuli.
- 6 Ku Simyoni; Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi.
- 7 Ku Yuda; Nakusoni mutabani wa Amminadaabu.
- 8 Ku Isakaali; Nesaneri mutabani wa Zuwaali.
- 9 Ku Zebbulooni; Eriyaabu mutabani wa Keroni.
- 10 Ku baana ba Yusufu: ku Efulayimu; Erisaama mutabani wa Ammikudi: ku Manase; Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli.
- 11 Ku Benyamini: Abidaani mutabani wa Gidiyooni.
- 12 Ku Ddaani; Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi.
- 13 Ku Aseri; Pagiyeeri mutabaai wa Okulaani.
- 14 Ku Gaadi; Eriyasaafu mutabani wa Deweri.
- 15 Ku Nafutaali; Akira mutabani wa Enani.
- 16 Abo be baayitibwa ku kibiina, abakulu b'ebika bya bakitaabwe; gye gyali emitwe gy'enkumi za Isiraeri.
- 17 Awo Musa ne Alooni ne batwala abasajja abo abaatuddwa amannya:
- 18 ne bakuaanya ekibiina kyonna ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'okubiri, ne baatula okuzaalibwa kwabwe ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, ng'emitwe gyabwe bwe gyali.
- 19 Nga Mukama bwe yalagira Musa, bw'atyo bwe yababalira mu ddungu lya Sinaayi.
- 20 N'abaana ba Lewubeeni, omubereberye wa Isiraeri, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, ng'emitwe gyabwe bwe gyali, buli musajja eyaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 21 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Lewubeeni, baali obukumi buna mu kakaaga mu bitaano.
- 22 Ku baana ba Simyoni, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, abaabalibwa ku bo, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, ng'emitwe gyabwe bwe gyali, buli musajja eyaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 23 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Simyoni, baali obukumi butaano mu kenda mu bisatu.
- 24 Ku baana ba Gaadi, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 25 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Gaadi, baali obukumi buna mu enkumi ttaano mu

lukaaga mu ataano.

- 26 Ku baana ba Yuda, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 27 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Yuda, baali obukumi musanvu mu enkumi nnya mu lukaaga.
- 28 Ku baana ba Isakaali, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyalca abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 29 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Isakaali, baali obukumi butaano mu enkumi nnya mu bina.
- 30 Ku baana ba Zebbulooni, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 31 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Zebbulooni, baali obukumi butaano mu kasanvu mu bina.
- 32 Ku baana ba Yusufu, ku baana ba Efulayimu, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 33 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Efulayimu, baali obukumi buna mu bitaano.
- 34 Ku baana ba Manase, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 35 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Manase, baali obukumi busatu mu enkumi bbiri mu bibiri.
- 36 Ku baana ba Benyamini, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 37 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Benyamini, baali obukumi busatu mu enkumi ttaano mu bina.
- 38 Ku baana ba Ddaani, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 39 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Ddaani, baali obukumi mukaaga mu enkumi bbiri mu lusanvu.
- 40 Ku baana ba Aseri, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 41 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Aseri, baali obukumi buna mu lukumi mu bitaano.
- 42 Ku baana ba Nafutaali, okuzaalibwa kwabwe, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala;
- 43 abaabalibwa ku bo, ku kika kya Nafutaali, baali obukumi butaano mu enkumi ssatu mu bina.
- 44 Abo be baabalibwa, Musa ne Alooni be baabala, n'abakulu ba Isiraeri, abasajja kkumi na babiri: buli muntu wa mu nnyumba ya bakitaabwe.
- 45 Bwe batyo bonna abaabalibwa ku baana ba Isiraeri; ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, bonna abaayinza okutabaala mu Isiraeri;
- 46 bonna abaabalibwa baali obusiriivu mukaaga mu enkumi ssatu mu bitaano mu ataano.

- 47 Naye Abaleevi ng'ekika kya bakitaabwe bwe kyali tebaabalibwa mu bo.
- 48 Kubanga Mukama yagamba Musa
- 49 nti Kyokka ekika kya Leevi tolikibala, so tolinoonya muwendo gwabwe mu baana ba Isiraeri:
- 50 naye Abaleevi obafuule abakulu b'ennyumba ey'obujulirwa, era ab'ebintu byayo byonna, era ab'ebintu byonna ebigenderako: banaasitulanga ennyumba, n'ebintu byayo byonna; era banaagiweerezanga, era baanasisiranga okwetooloola ennyumba.
- 51 Era ennyumba bw'eneebanga etambula, Abaleevi be banaagisimbulanga: era ennyumba bw'eneebanga esimibwa, Abaleevi be banaagisimbanga: era munnaggwanga anaasemberanga anattibwanga.
- 52 Era abaana ba Isiraeri banaasimbanga eweema zaabwe; buli muntu okuliraana n'olusiisira lwe ye, era buli muntu okuliraana n'ebendera ye ye, ng'eggye lyabwe bwe liri.
- 53 Naye Abaleevi banaasisiranga okwetooloola ennyumba ey'obujulirwa, walemenga okuba obusungu ku kibiina ky'abaana ba Isiraeri: era Abaleevi banaabanga n'omulimu ogw'okukuuma ennyumba ey'obujulirwa.
- 54 Bwe batyo bwe baakola abaana ba Isiraeri; nga byonna bwe byali Mukama bye yalagira Musa, ne bakola bwe batyo.

Essuula 2

- 1 Awo Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 2 Abaana ba Isiraeri banaasisiranga buli muntu okuliraana n'ebendera ye, awali obubonero bw'ennyumba za bakitaabwe: banaasisiranga okwolekera eweema ey'okusisinkanirangamu enjuyi zonna.
- 3 Era abo abasiisira ku luuyi olw'ebuvanjuba okutunuulira enjuba gy'eva banaabanga ba bendera ya lusiisira lwa Yuda, ng'eggye lyabwe bwe liri: era Nakusoni mutabani wa Amminadaabu ye anaabanga omukulu w'abaana ba Yuda.
- 4 Era eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi musanvu mu lukaaga.
- 5 N'ekika kya Isakaali be banaasisiranga okumuliraana: era Nesaneeri mutabani wa Zuwaali ye anaabanga omukulu w'abaana ba Isakaali:
- 6 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku lyo baali obukumi butaano mu enkumi nnya mu bina:
- 7 n'ekika kya Zebbulooni: era Eriyaabu mutabani wa Keroni ye anaabanga omukulu w'abaana ba Zebbulooni:
- 8 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku lyo baali obukumi butaano mu kasanvu mu bina.
- 9 Bonna abaabalibwa ku lusiisira lwa Yuda baali kasiriivu mu obukumi munaana mu lukaaga mu bina, ng'eggye lyabwe bwe lyali. Be banaasookanga okusitula.
- 10 Ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo we wanaabanga ebendera ey'olusiisira lwa Lewubeeni ng'eggye lyabwe bwe liri: era Erizuuli mutabani wa Sedewuli ye anaabanga omukulu w'abaana ba Lewubeeni.
- 11 N'eggye lye n'abo abaabalibwa ku lyo baali obukumi buna mu kakaaga mu bitaano.
- 12 N'ekika kya Simyoni be banaasisiranga okumuliraana: era Serumyeri mutabani wa Zulisadaayi ye anaabanga omukulu w'abaana ba Simyoni:
- 13 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi butaano mu kenda mu bisatu:
- 14 n'ekika kya Gaadi: era Eriyasaafu mutabani wa Leweri ye anaabanga omukulu w'abaana ba Gaadi:
- 15 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumii buna mu enkumi ttaano mu lukaaga mu ataano.
- 16 Bonna abaabalibwa ku lusiisira lwa Lewubeeni baali kasiriivu mu obukumi butaano mu lukumi mu bina mu ataano, ng'eggye lyabwe bwe lyali. Be banaddiriranga bali

okusitula.

- 17 Eweema ey'okusisinkanirangamu n'eryoka etambulanga, wamu n'olusiisira lw'Abaleevi wakati mu nsiisira; nga bwe basiisira, bwe banaasitulanga bwe batyo, buli muntu mu kifo kye, awali ebendera zaabwe.
- 18 Ku luuyi olw'ebugwanjuba we wanaabanga ebendera ey'olusiisira lwa Efulayimu ng'eggye lyabwe bwe lizi: era Erisaama mutabani wa Amaikudi ye anaabanga omukulu w'abaana ba Efulayimu.
- 19 N'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo, baali obukumi buna mu bitaano.
- 20 N'ekika kya Manase kye kinaamuddiriranga: era Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli ye anaabanga omukulu w'abaana ba Manase;
- 21 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi busatu mu enkumi bbiri mu bibiri:
- 22 n'ekika kya Benyamini: era Abidaani mutabani wa Gidiyooni ye anaabanga omukulu w'abaana ba Benyamini:
- 23 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali abukumi busatu mu enkumi ttaano mu bina.
- 24 Bonna abaabalibwa ku lusiisira lwa Efulayimu baali kasiriivu mu kanaana mu kikumi, ng'eggye lyabwe bwe lyali. Be banaddiriranga bali nate okusitula.
- 25 Ku luuyi olw'obukiika obwa kkono we wanaabanga ebendera ey'olusiisira lwa Ddaani ng'eggye lyabwe bwe liri: era Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi ye anaabanga omukulu w'abaana ba Ddaani.
- 26 N'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi mukaaga mu enkumi bbiri mu lusanvu.
- 27 N'ekika kya Aseri be banaasiisiranga okumuliraana: era Pagiyeeri mutabani wa Okulaani ye anaabanga omukulu w'abaana ba Aseri:
- 28 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi buna mu lukumi mu bitaano:
- 29 n'ekika kya Nafutaali: era Akira mutabani wa Enani ye anaabanga omukulu w'abaana ba Nafutaali:
- 30 n'eggye lye n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi butaano mu enkumi ssatu mu bina.
- 31 Bonna abaabalibwa ku lusiisira lwa Ddaani baali kasiriivu mu obukumi butaano mu kasanvu mu lukaaga. Be banaasembanga ng'ebendera bwe ziri.
- 32 Abo be baabalibwa ku baana ba Isiraeri ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali: bonna abaabalibwa ku nsiisira ng'eggye lyabwe bwe lyali baali obusiriivu mukaaga mu enkumi ssatu mu bitaano mu ataano.
- 33 Naye Abaleevi tebaabalibwa mu baana ba Isiraeri; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 34 Abaana ba Isiraeri bwe baikola bwe batyo; nga byonna bwe byali Mukama bye yalagira Musa, bwe baasiisiranga bwe batyo awali ebendera zaabwe, era bwe batyo bwe baasitulanga, buli muntu ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali.

Essuula 3

- 1 Era kuno kwe kuzaala kwa Alooni ne Musa ku lunaku Mukama lwe yayogereramu ne Musa ku lusozi Sinaayi.
- 2 Era gano ge mannya g'abaana ba Alooni; Nadabu, omubereberye, ne Abiku, Eriyazali, ne Isamaali.
- 3 Ago ge mannya g'abaana ba Alooni, bakabona abaafukibwako amafuta, be yayawula okuweerezanga mu bwakabona.
- 4 Era Nadabu ne Abiku ne bafiira mu maaso ga Mukama, bwe baawaayo omuliro

ogutali gugwe mu maaso ga Mukama, mu ddungu lya Sinaayi, ne bataba na baana: awo Eriyazaali ne Isamaali ne baweerezanga mu bwakabona mu maaso ga Alooniki kitaabwe.

- 5 Mukama n'agamba Musa nti
- 6 Sembeza ekika kya Leevi, obateeke mu maaso ga Alooniki kabona, bamuweerezanga.
- 7 Era banaakuumanga ebyo ye bye yalagirwa, n'ebyo ekibiina kyonna bye kyalagirwa, mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu, okukolanga okuweereza okw'omu nnyumba.
- 8 Era banaakuumanga ebintu byonna eby'omu weema ey'okusisinkanirangamu, n'ebyo abaana ba Isiraeri bye baalagirwa, okukolanga okuweereza okw'omu nnyumba.
- 9 Era onoowa Alooniki n'abaana be Abaleevi: baweereddwa ddala ye ku bw'abaana ba Isiraeri.
- 10 Era onossaawo Alooniki n'abaana be, era banaakuumanga obwakabona bwabwe: ne munnaggwanga anaasemberanga anattibwanga.
- 11 Awo Mukama n'agamba Musa nti
- 12 Nange, laba, nze nziye Abaleevi mu baana ba Isiraeri mu kifo ky'ababereberye abagugulanda mu baana ba Isiraeri; n'Abaleevi banaabanga bange:
- 13 kubanga ababereberye bonna bange; ku lunaku lwe nattiramumu ababereberye bonna mu nsi y'e Misiri nneetukuliza ababereberye bonna mu Isiraeri, abantu era n'ensolo: banaabanga bange; nze ndi Mukama.
- 14 Awo Mukama n'agambira Musa mu ddungu lya Sinaayi nti
- 15 bala abaana ba Leevi ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, ng'enda zaabwe bwe ziri: buli mwana mulenzi eyaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo onoobabala.
- 16 Musa n'ababala ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali, nga bwe yalagirwa.
- 17 Era bano be baana ba Leevi ng'amannya gaabwe bwe gali; Gerusoni ne Kokasi ne Merali.
- 18 Era gano ge mannya g'abaana ba Gerusoni ng'enda zaabwe bwe zaali; Libuni ne Simeeyi.
- 19 N'abaana ba Kokasi ng'enda zaabwe bwe zaali; Amulaamu ne Izukali, Kebbulooni ne Wuziyeeri.
- 20 N'abaana ba Merali ng'enda zaabwe bwe zaali; Makuli ne Musi. Ezo ze nda z'Abaleevi ng'enayumba za bakitaabwe bwe zaali.
- 21 Mu Gerusoni mwe mwava enda y'Abalibuni, n'enda y'Abasimeeyi: ezo ze nda z'Abagerusoni.
- 22 Abo abaabalibwa ku bo ng'omuwendo gw'abasajja bonna bwe gwali, abaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo, abo abaabalibwa ku bo baali kasanvu mu bitaano.
- 23 Enda z'Abagerusoni banaassisiranga nnyuma w'ennyumba ku luuyi olw'ebugwanjuba.
- 24 N'omukulu w'ennyumba ya bakitaabwe ey'Abagerusoni anaabanga Eriyasaafu mutabani wa Laeri.
- 25 Era abaana ba Gerusoni kye baalagirwa mu weema ey'okusisinkanirangamu kinaabanga ennyumba n'Eweema, ekigibikkako, n'eggigi ery'omulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu,
- 26 n'ezitimibwa ez'oluggya, n'eggigi ery'omulyango gw'oluggya oluli ku nnyumba era olwetooloola ekyoto, n'emigwa gyalwo olw'okuweereza kwalwo kwonna.
- 27 Ne mu Kokasi mwe mwava enda y'Abamulaamu, n'enda y'Abazukaali, n'enda y'Abakebbulooni, n'enda y'Abawuziyeeri: ezo ze nda z'Abakokasi.
- 28 Ng'omuwendo gw'abasajja bonna bwe gwali abaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo baali kanaana mu lukaaga banaakuumanga awatukuvu we baalagirwa.
- 29 Enda z'abaana ba Kokasi banaassisiranga ku luuyi olw'eweema olw'obukiika obwa

ddyo.

- 30 Era omukulu w'ennyumba ya bakitaabwe ey'Abakokasi anaabanga Erizafani mutabaani wa Wuziyeeri.
- 31 Era kye balagirwa kinaabanga sanduuko, n'emmeeza, n'ekikondo, n'ebyoto, n'ebintu eby'omu watukuvu bye baweerezesa, n'eggigi n'okuweereza kwalyo kwonna.
- 32 Ne Eriyazaali mutabaani wa Aloon kabona ye anaabanga omukulu w'abakulu b'Abaleevi, ng'alabirira abo abakuuma awatukuvu we balagirwa.
- 33 Mu Merali mwe mwava enda y'Abamakuli, n'enda y'Abamusi: ezo ze nda za Merali.
- 34 Era abo abaabalibwa ku bo, ng'omuwendo gw'abasajja bonna bwe gwali, abaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo, baali kakaaga mu bibiri.
- 35 Era omukulu w'ennyumba ya bakitaabwe ey'enda za Merali yali Zuliyeeri mutabani wa Abikayiri: abo banaasiisiranga ku luuyi lw'ennyumba olw'obukiika obwa kkono.
- 36 N'omulumu ogulagirwa ogw'abaana ba Merali gunaabanga embaawo ez'ennyumba, n'emisituliro gyayo, n'empagi zaayo, n'ebinnya byayo, n'ebintu byayo byonna, n'okuweereza kwayo kwonna;
- 37 n'empagi ez'oluggya olwetooloola, n'ebinnya byazo, n'eninga zaazo, n'emigwa gyazo.
- 38 N'abo abanaasiisiranga mu maaso g'ennyumba ku luuyi olw'ebuvanjuba, mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu okwolekera enjuba ng'evaayo, banaabanga Musa, ne Aloon ne batabani be, nga bakuuma awatukuvu we balagirwa, olw'okulagirwa kw'abaana ba Isiraeri; ne munnaggwanga anaasemberanga anattibwanga.
- 39 Bonna abaabalibwa ku Baleevi, Musa ne Aloon be baabala olw'ekiragiyo kya Mukama ng'enda zaabwe bwe zaali, abasajja bonna abaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo, baali obukumi bubiri mu enkumi bbiri.
- 40 Mukama n'agamba Musa nti Bala abasajja ababereberye bonna ku baana ba Isiraeri abaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo, otwale omuwendo gw'amannya gaabwe.
- 41 Era olintwalira nze Abaleevi nze Mukama mu kifo ky'ababereberye bonna ku baana ba Isiraeri; n'ebisibo by'Abaleevi mu kifo ky'embereberye zonna ku bisibo by'abaana ba Isiraeri.
- 42 Awo Musa n'abala, nga Mukama bwe yamulagira, ababereberye bonna ku baana ba Isiraeri.
- 43 N'abasajja bonna ababereberye, ng'omuwendo gw'amannya bwe gwali, abaakamaze omwezi ogumu n'okukirawo, abo abaabalibwa ku bo, baali obukumi bubiri mu enkumi bbiri mu bibiri mu nsanvu mu basatu.
- 44 Mukama n'agamba Musa nti
- 45 Twala Abaleevi mu kifo ky'ababereberye bonna ku baana ba Isiraeri n'ebisibo by'Abaleevi mu kifo ky'ebisibo byabwe: era Abaleevi banaabanga bange; nze Mukama.
- 46 N'olw'okununula ababereberye b'abaana ba Isiraeri bibiri mu nsanvu mu basatu, abafikkawo ku muwendo gw'Abaleevi,
- 47 onosoloozanga sekeri ttaano buli muntu ng'emitwe bwe giri; onoozitwalanga nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri sekeri ze gera abiri:
- 48 era onoozanga effeeza enunula omuwendo gwabwe ogufikkawo Aloon ne batabani be.
- 49 Musa n'abasoloozaako effeeza enunula abo abafikkawo ku abo abaanunulibwa n'Abaleevi:
- 50 ababereberye b'abaana ba Isiraeri be yasoloozaako effeeza; sekeri lukumi mu bisatu mu nkaaga mu ssatu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri:
- 51 awo Musa n'awa Aloon ne batabani be effeeza enunula, ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali nga Mukama bwe yalagira Musa.

Essuula 4

- 1 Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 2 Mubale omuwendo gw'abaana ba Kokasi ku baana ba Leevi, ng'enda zaabwe bwe ziri, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri,
- 3 abaakamaze emyaka asatu n'okukirawo okutuusa ku myaka ataano, bonna abayingira mu kuweereza okwo, okukolanga omulimu mu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 4 Guno gwe mulimu gw'abaana ba Kokasi mu weema ey'okusisinkanirangamu, ogw'ebintu ebitukuvu ennyo:
- 5 olusiisira bwe lunaasitulanga, Alooni anaayingiranga n'abaana be ne batimbulula eggigi eritimbibwa, ne balibikka ku sanduuko ey'obujulirwa:
- 6 ne bateeka okwo amaliba g'eonge okubikkako, ne baaliirira okwo olugoye olwa kaniki lwonna, ne bayingiza emisituliro gyayo.
- 7 Ne ku mmeeza ey'emigaati egy'okulaga banaayaliirangako olugoye olwa kaniki ne bateeka okwo essowaani, n'ebijiiko, n'ebibya, n'ebikompe eby'okufukanga nabyo: n'emigaati egitavangawo ginaabanga okwo:
- 8 era banaayaliiranga ku byo olugoye olumyufu, ne balusabikako olwo n'amaliba g'eonge agasabika, ne bayingiza emisituliro gyayo.
- 9 Ne baddira olugoye olwa kaniki, ne basabika ku kikondo ky'ettabaaza, n'eby'ettabaaza byakyo, ne makansi yaakyo, n'essowaani zaakyo ez'ebisiriiza, n'ebintu byakyo byonna eby'amafuta, bye bakiweerezesa:
- 10 ne bakisiba kyo n'ebintu byakyo byonna mu maliba g'eonge agasabika, ne bakiteeka ku muti.
- 11 Ne ku kyoto ekya zaabu banaayaliirangako olugoye olwa kaniki, ne balusabikako amaliba g'eonge agasabika, ne bayingiza emisituliro gyakyo:
- 12 ne baddira ebintu byonna eby'okuweereza, bye baweerezesa mu watukuvu, ne babisiba mu lugoye olwa kaniki, ne babisabikako amaliba g'eonge agasabika, ne babiteeka ku muti.
- 13 Ne baggya evvu mu kyoto, ne bakyaliirako olugoye olw'effulungu:
- 14 ne bakiteekako ebintu byakyo byonna, bye baweerezesa emirimu gyakyo, emmumbiro, n'eby'okukwasa ennyama, n'ebijiiko, n'ebibya, ebintu byonna eby'ekyoto; ne bakyaliirako amaliba g'eonge agasabika, ne bayingiza emisituliro gyakyo.
- 15 Awo Alooni ne batabani be bwe banaamaliranga ddala okusabika ku watukuvu, n'ebintu byonna eby'omu watukuvu, olusiisira nga lunaatera okusitula; oluvannyuma batabani ba Kokasi ne balyoka bajja okubisitula: naye tebakomanga ku watukuvu, baleme okufa. Ebyo gwe mugugu gwa batabani ba Kokasi mu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 16 Ne Eriyazaali mutabani wa Alooni kabona by'anaateresebwa binaabanga mafuta ga ttabaaza n'obubaane obw'akaloosa, n'ekiweebwayo eky'obutta ekitavaawo, n'amafuta ag'okufukako, anaateresebwanga eweema yonna, n'ebigirimu byonna, awatukuvu n'ebintu byawo.
- 17 Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 18 Ekika eky'ennyumba z'Abakokasi temukisalako okukiggya mu Baleevi:
- 19 naye mubakole bwe mutyo, babenga abalamu, balemenga okufa, ng'abasemberera ebintu ebitukuvu ennyo: Alooni ne batabani be banaayingiranga, ne balagira buli muntu okuweereza kwe n'omugugu gwe:
- 20 naye tebayingiranga n'akamu kokka kulaba watukuvu, baleme okufa.
- 21 Mukama n'agamba Musa nti
- 22 Bala omuwendo gw'abaana ba Gerusoni nabo, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, ng'enda zaabwe bwe ziri;

- 23 abakamaze emyaka asatu n'okukirawo okutuusa ku myaka ataano b'oba obala; bonna abayingira okulwana olutalo olwo, okukola omulimu mu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 24 Kuno kwe kuweereza kw'enda ez'Abagerusoni, mu kuweereza ne mu kusitula emigugu:
- 25 banaasitulanga amagigi ag'ennyumba, n'eweema ey'okusisinkanirangamu, ebisabika ku yo, n'amaliba g'eonge agagisabikako waggulu, n'eggigi ery'oluggi lw'eweema ey'okusisinkanirangamu;
- 26 n'ezitimibwa ez'oluggya, n'eggigi ery'oluggi lwa wankaaki w'oluggya, oluli ku weema ne ku kyoto enjuyi zonna, n'emigwa gyabyo, n'ebintu byonna eby'okuweereza kwabyo, n'emirimu gyonna gye binaakolanga, ebyo bye banaaweerezanga.
- 27 Alooni ne batabani be be banaalagiranga okuweereza kwonna okwa batabani ba Gerusoni, mu kusitula kwabwe kwonna ne mu kuweereza kwabwe kwonna: era mmwe munaabagabiranga okusitula kwabwe kwonna okubakukwasa.
- 28 Okwo kwe kuweereza kw'enda za batabaai ba Gerusoni mu weema ey'okusisinkanirangamu: n'okulagirwa kwabwe kunaabanga wansi w'omukono gwa Isamaali mutabani wa Alooni kabona.
- 29 Batabani ba Merali, onoobabala ng'enda zaabwe bwe ziri, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri;
- 30 abakamaze emyaka asatu n'okukirawo okutuusa emyaka ataano b'oba obala, buli ayingira mu kuweereza, okukolanga omulimu ogw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 31 Era kino kye kiragiro eky'okusitula kwabwe, ng'okuweereza kwabwe kwonna bwe kuli mu weema ey'okusisinkanirangamu; embaawo ez'ennyumba, n'emisituliro gyayo, n'empagi zaayo, n'ebinnya byayo;
- 32 n'empagi ez'oluggya olwetooolola, n'ebinnya byazo, n'eninga zaazo, n'emigwa gyazo, wamu n'ebintu byazo byonna, n'okuweereza kwazo kwonna: era munaabagabiranga ng'amannya gaabwe bwe gali ebintu bye banaalagirwanga bye banaasitulanga.
- 33 Okwo kwe kuweereza kw'enda za batabani ba Merali, ng'okuweereza kwabwe kwonna bwe kuli, mu weema ey'okusisinkanirangamu, wansi w'omukono gwa Isamaali mutabani wa Alooni kabona.
- 34 Awo Musa ne Alooni n'abakulu b'ekibiina ne babala batabani b'Abakokasi, ng'enda zaabwe bwe zaali, era ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali,
- 35 abaali baakamaze emyaka asatu n'okukirawo, okutuusa emyaka ataano, buli eyalyingira mu kuweereza, okukolanga omulimu mu weema ey'okusisinkanirangamu:
- 36 era abo abaabalibwa ku bo ng'enda zaabwe bwe zaali baali enkumi bbiri mu lusanvu mu ataano.
- 37 Abo be baabalibwa ku nda ez'Abakokasi, bonna abaaweerezanga mu weema ey'okusisinkanirangamu, Musa ne Alooni be baabala ng'ekiragiro kya Mukama bwe kyali mu mukono gwa Musa.
- 38 N'abo abaabalibwa ku batabani ba Gerusoni, ng'enda zaabwe bwe zaali, era ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali,
- 39 abaali baakamaze emyaka asatu n'okukirawo okutuusa emyaka ataano, buli eyayingira mu kuweereza, okukolanga omulimu mu weema ey'okusisinkanirangamu,
- 40 abo abaabalibwa ku bo, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, baali enkumi bbiri mu lusanvu mu asatu.
- 41 Abo be baabalibwa ku nda za batabani ba Gerusoni, bonna abaaweerezanga mu weema ey'okusisinkanirangamu, Musa ne Alooni be baabala ng'ekiragiro kya Mukama bwe kyali.
- 42 N'abo abaabalibwa ku nda za batabani ba Merali, ng'enda zaabwe bwe zaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali,

- 43 abaakamaze emyaka asatu n'okukirawo okutuusa emyaka ataano, buli eyayingira mu kuweereza, okukolanga omulimu mu weema ey'okusisinkanirangamu,
- 44 abo abaabalibwa ku bo ng'enda zaabwe bwe zaali, baali enkumi bbiri mu bibiri.
- 45 Abo be baabalibwa ku nda za batabani ba Merali Musa ne Alooni be baabala ng'ekiragi-ro kya Mukama bwe kyali mu mukono gwa Musa.
- 46 Abo bonna abaabalibwa ku Baleevi, Musa ne Alooni n'abakulu ba Isiraeri be baabala, ng'enda zaabwe bwe zaali, era ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali,
- 47 abaali baakamaze emyaka asatu n'okukirawo okutuusa emyaka ataano, buli eyayingira okukolanga omulimu ogw'okuweereza, n'omulimu ogw'okusitula emigugu mu weema ey'okusisinkanirangamu,
- 48 abo abaabalibwa ku bo baali kanaana mu bitaano mu kinaana.
- 49 Ng'ekiragi-ro kya Mukama bwe kyali, baabalibwa n'omukono gwa Musa buli muntu ng'okuweereza kwe bwe kwali, era ng'okusitula kwe bwe kwali: bw'atyo bwe yaba-bala, nga Mukama bwe yalagira Musa.

Essuula 5

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Lagira abaana ba Isiraeri, baggye mu lusiisira buli mugenge, na buli muziku, na buli atali mulongoofu olw'omufu:
- 3 abasajja era n'abakazi munaabaggyangamu, munaabafulumyanga ebweru w'olusiisira; balemenga okwonoona olusiisira lwabwe, lwe ntuulamu wakati.
- 4 Abaana ba Isiraeri ne bakola bwe batyo, ne babafulumya ebweru w'olusiisira: nga Mukama bwe yagamba Musa, abaana ba Isiraeri bwe baakola bwe batyo.
- 5 Mukama n'agamba Musa nti
- 6 Gamba abaana ba Isiraeri nti Omusajja oba omukazi bw'anaakolanga ekibi kyonna abantu kye bakola, okusobya Mukama, omuntu oyo n'abaako omusango;
- 7 kale banaayatulanga ekibi kye bakoze: era anaaliyiranga ddala byonna olw'omusango gwe, n'assaako n'ekitundu kyabyo eky'okutaano, n'abiwa oyo gw'azzizzaako omu-sango.
- 8 Naye omuntu oyo bw'aba nga talina muganda we gwe bayinza okuliyira olw'omu-sango, ebyo bye baliwa olw'omusango bye baliyira Mukama binaabanga bya kabona; era n'endiga ennume ey'okutangirira, gye banaamutangirizanga.
- 9 Na buli kiweebwayo ekisitulibwa ku bintu byonna ebitukw eby'abaana ba Isiraeri, bye baleetera kabona, kinaabanga kikyeye.
- 10 N'ebintu ebya buli muntu ebitukuzibwa, binaabanga bibye: ekintu kyonna omuntu yenna ky'anaawanga kabona, kinaabanga kikyeye.
- 11 Mukama n'ayogera ne Musa nti
- 12 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Omukazi w'omuntu yenna bw'anaakya-manga, n'amusobyako,
- 13 omusajja n'asula naye, ne kikwekebwa amaaso ga bbaawe, ne kikisibwa, ye n'ayonooneka, ne wataba mujulirwa amulumiriza, era nga tebamusisinkanirizza;
- 14 omwoyo ogw'obuggya ne gumujjira, n'akwatirwa mukazi we obuggya, naye ng'ayonooneka: oba omwoyo ogw'obuggya bwe gunaamujjiranga, n'akwatirwa mukazi we obuggya, so naye nga tayonooneka:
- 15 kale omusajja anaaleetanga mukazi we eri kabona, n'amuleetera ekitone kye, ekitundu eky'ekkumi ekya efa eky'obutta obwa sayiri; tafukangako mafuta gonna, so tateekan-gako mugavu; kubanga kye kiweebwayo eky'obutta olw'obuggya, ekiweebwayo eky'obutta eky'okujjukiza, ekijjukiza obutali butuukirivu.
- 16 Awo kabona anaamusembezanga, n'amuteeka mu maaso ga Mukama:

- 17 kabona n'addira amazzi amatukuvu mu kintu eky'ebbumba; ne ku nfuufu eri wansi mu weema kabona anaatolangako, n'agiteeka mu mazzi:
- 18 kabona n'ateeka omukazi mu maaso ga Mukama n'abikkula ku nviiri ez'oku mutwe gw'omukazi, n'amukwasa mu ngalo ekiweebwayo eky'obutta eky'okujjukiza, kye kiweebwayo eky'obutta eky'obuggya: era kabona anaakwatanga mu mukono gwe amazzi agakaawa agaleeta ekikolimo:
- 19 awo kabona anaamulayizanga, n'agamba omukazi nti Oba nga tewali musajja eyasula naawe, so tokyamanga eri obutali bulongoofu, ng'ofugibwa balo, amazzi gano agakaawa agaleeta ekikolimo tegakubeerako:
- 20 naye oba nga wakyama, ng'ofugibwa balo, era ng'oyoonese, era omusajja omulala oba nga yasula naawe atali balo:
- 21 awo kabona anaalayizanga omukazi ekirayiro eky'okukolima, kabona n'agamba omukazi nti Mukama akufuule ekikolimo n'ekirayiro mu bantu bo, Mukama bw'akoozimbyanga ekisambi kyo, n'atumbiiza olubuto lwo;
- 22 n'amazzi gano agaleeta ekikolimo ganaagenda mu byenda byo, ne gatumbiiza olubuto lwo, ne gakoozimbya ekisambi kyo; omukazi n'ayogera nti Amina, Amina.
- 23 Awo kabona anaawandiikanga ebikolimo ebyo mu kitabo, n'abyozaako n'amazzi agakaawa:
- 24 n'anywesa omukazi amazzi agakaawa agaleeta ekikolimo: amazzi agaleeta ekikolimo ne gayingira mu ye ne gakaawa.
- 25 Awo kabona anaggyanga ekiweebwayo eky'obutta eky'obuggya mu mukono gw'omukazi, n'awuuba ekiweebwayo eky'obutta mu maaso ga Mukama, n'akireeta eri ekyoto:
- 26 kabona n'addira olubatu olw'obutta obuweebwayo, okuba ekijjukizo kyabwo, n'abwokera ku kyoto, oluvannyuma n'anywesa omukazi amazzi ago.
- 27 Awo bw'anaamalanga okumunywesa amazzi, kale olunaatuukanga, bw'anaabanga ayoonese, era ng'asobezza ku bbaawe, amazzi agaleeta ekikolimo ganaayingi-rangamu ye ne gakaawa, n'olubuto lwe ne lutumbiira, n'ekisambi kye ne kikoozimba: n'omukazi anaabanga kikolimo mu bantu be.
- 28 Era omukazi bw'anaabanga tayoonese, naye nga mulongoofu; kale taabengako kigambo, n'okuba aliba lubuto.
- 29 Eryo lye tteeka ery'obuggya, omukazi ng'afugibwa bbaawe bw'anaakyamanga n'ayooneka:
- 30 oba omwoyo ogw'obuggya bwe gunajjiranga omusajja, n'akwatirwa mukazi we obuggya; awo anaateekanga omukazi mu maaso ga Mukama, ne kabona anaamukoleranga etteeka eryo lyonna:
- 31 Omusajja n'atabaako butali butuukirivu, n'omukazi oyo anaabangako obutali butuukirivu bwe.

Essuula 6

- 1 Mukama n'ayogera ne Musa nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti Omusajja oba omukazi bw'aneeyamanga obweyamo ku bubwe yekka, obweyamo obw'omuwonge, okwewonga eri Mukama:
- 3 aneeyawulanga n'omwenge n'ekitamiiza; tanywanga ku mwenge omukaatuufu, n'ewakubadde ekitamiiza ekikaatuufu, so tanywanga ku mazzi g'ezzabbibu, so talyanga zabbibu mbisi newakubadde enkalu.
- 4 Ennaku zonna ez'okwewonga kwe talyanga kintu ekiva ku muzabbibu, newakubadde ensigo newakubadde ebikuta.
- 5 Ennaku zonna ez'obweyamo bwe obw'okwewonga akamwano tekayitanga ku mutwe

- gwe: okutuusa ennaku lwe zinaatuukiriranga, ze yeewongeramu eri Mukama, anaabanga mutukuvu, anaalekanga emivumbo gy'enviiri ez'oku mutwe gwe okukula.
- 6** Ennaku zonna ze yeewongeramu eri Mukama, tasembereranga mulambo.
- 7** Teyeefuulanga atali mulongoofu lwa kitaawe, newakubadde lwa nnyina, newakubadde lwa muganda we, newakubadde lwa mwannyina, bwe banaafanga: kubanga okwe-wonga kwe eri Katonda kuli ku mutwe gwe.
- 8** Ennaku zonna ez'okwewonga kwe aba mutukuvu eri Mukama.
- 9** Era omuntu yenna bw'anaafanga amangu ennyo ng'amuliraanye naye n'ayonoona omutwe ogw'okwewonga kwe; kale anaamwanga omutwe gwe ku lunaku olw'okulon-goosebwa kwe ku lunaku olw'omusanvu kw'anaagumweranga.
- 10** Ne ku lunaku olw'omunaana anaaleetanga bukaamukuukulu bubiri, oba amayiba amato abiri, eri kabona, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu:
- 11** awo kabona anaawangayo akamu okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'ak'okubiri okuba ekiweebwayo ekyokebwa, n'amutangirira, kubanga yayonoona olw'abafu, n'atukuza omutwe gwe ku lunaku olwo.
- 12** Era anaawonganga eri Mukama ennaku ez'okwewonga kwe, n'aleeta omwana gw'endiga omulume ogutannamala mwaka gumu okuba ekiweebwayo olw'omusango: naye ennaku ezisoose zinaabanga zifudde, kubanga okwewonga kwe kwayonooneka.
- 13** Era lino lye tteeka ery'omuwonge, ennaku ez'okwewonga kwe bwe zinaatuukiriranga: anaaleetebwanga ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu:
- 14** n'awaayo ekitone kye eri Mukama, omwana gw'endiga omulume gumu ogutannamala mwaka gumu ogutaliiko bulema okuba ekiweebwayo ekyokebwa, n'omwana gw'endiga omuluusi gumu ogutannamala mwaka gumu ogutaliiko bulema okuba ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume emu eteriiko bulema okuba ebiweebwayo olw'emirembe,
- 15** n'ekibbo eky'emigaati egitazimbulukuswa, ebitole eby'obutta obulungi obutabud-dwamu amafuta, n'emigaati egy'empewere egitazimbulukuswa egisiigibbwako amafuta, n'obutta bwako obuweebwayo, n'ebyokunywa byako ebiweebwayo.
- 16** Awo kabona anaabyanjulanga mu maaso ga Mukama, n'awaayo ky'awaayo olw'ekibi, n'ekyo ky'a waayo ekyokebwa:
- 17** n'awaayo endiga ennume okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe eri Mukama, awamu n'ekibbo eky'emigaati egitazimbulukuswa: era kabona anaawangayo n'obutta obuweebwayo bwako, n'ebyokunywa byako ebiweebwayo.
- 18** Era omuwonge anaamweranga omutwe ogw'okwewonga kwe ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'addira enviiri ez'oku mutwe ogw'okwewonga kwe, n'aziteeka mu muliro oguli wansi wa ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe.
- 19** Awo kabona anaatwalanga omukono omufumbe ogw'endiga ennume, n'ekitole kimu ekitazimbulukuswa ng'akiggya mu kibbo, n'omugaati ogw'empewere gumu ogutazimbulukuswa, n'abiteeka mu ngalo z'omuwonge, ng'amaze okumwa omutwe ogw'okwewonga kwe
- 20** awo kabona anaabiwuubawuubanga okuba ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa mu maaso ga Mukama; ebyo byayawulirwa kabona, awamu n'ekifuba ekiwuubibwawuubibwa n'ekisambi ekisitulibwa: oluvannyuma omuwonge n'alyoka ayinza okunywa omwenge.
- 21** Eryo lye tteeka ery'omuwonge eyeeyama obweyamo, n'ekitone kye ky'awa Mukama olw'okwewonga kwe, obutassaako ebyo by'ayinza okufuna: ng'obweyamo bwe bw'aneeyamanga bwe bunaabanga, bwe kityo bwe kimugwanira okukola ng'etteeka ery'okwewonga kwe bwe liri.
- 22** Mukama n'ayogera ne Musa nti

- 23 Yogera ne Alooni ne batabani be nti Bwe mutyo bwe munaasabiranga omukisa abaana ba Isiraeri: munaabagambanga nti
- 24 Mukama akuwe omukisa, akukuume:
- 25 Mukama akwakize amaaso ge, akukwatirwe ekisa:
- 26 Mukama akuyimusize amaaso ge, akuwe emirembe.
- 27 Bwe batyo bwe banaateekanga erinnya lyanze ku baana ba Isiraeri; nange n'abawanga omukisa.

Essuula 7

- 1 Awo olwatuuka ku lunaku Musa lwe yamalirako okusimba ennyumba, era ng'amaze okugifukako amafuta n'okugitukuza, n'ebintu byayo byonna, n'ekyoto n'ebintu byakyo byonna, era ng'amaze okubifukako amafuta n'okubitukuza;
- 2 awo abakulu ba Isiraeri, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, ne bawaayo; abo be baali abakulu b'ebika, abo be baafuganga abo abaabalibwa:
- 3 ne baleeta ekitone kyabwe mu maaso ga Mukama, amagaali amabikkeko mukaaga, n'ente kkumi na bbiri; eggaali erimu lya bakulu kinnababirye era kinoomu ente: ne babyanjula mu maaso g'ennyumba.
- 4 Mukama n'agamba Musa nti
- 5 Kitoole gye bali, bibeerenga bya kukola omulimu ogw'okuweereza ogw'omu weema ey'okusisinkanirangamu; era onoobiwa Abaleevi, buli muntu ng'okuweereza kwe bwe kuli.
- 6 Musa n'atoola amagaali n'ente, n'abiwa Abaleevi.
- 7 Amagaali abiri n'ente nnya bye yawa batabani ba Gerusoni, ng'okuweereza kwabwe bwe kwali:
- 8 n'amagaali ana n'ente munaana bye yawa batabani ba Merali, ng'okuweereza kwabwe bwe kwali, wansi w'omukono gwa Isamaali mutabani wa Alooni kabona.
- 9 Naye batabani ba Kokasi teyabawaako: kubanga okuweereza okw'omu watukuvu kwali kwabwe; baakusituliranga ku bibegabega byabwe.
- 10 Awo abakulu ne bawaayo olw'okuwonga ekyoto ku lunaku lwe kyafukirwako amafuta, abakulu ne bawaayo ekirabo kyabwe mu maaso g'ekyoto.
- 11 Mukama n'agamba Musa nti Banaawangayo ekitone kyabwe, buli mukulu ku lunaku lwe, olw'okutukuza ekyoto.
- 12 N'oyo eyawaayo ekitone kye ku lunaku olw'olubereberye yali Nakusoni mutabani wa Amminadaabu ow'omu kika kya Yuda:
- 13 n'ekitone kye kyali ssowaani emu ya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 14 ekijjiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 15 ente ennume envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutannamala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 16 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 17 era okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Nakusoni mutabani wa Amminadaabu:
- 18 Ku lunaku olw'okubiri Nesaneri mutabani wa Zuwaali, omukulu wa Isakaali, n'awaayo:
- 19 yawaayo okuba ekitone kye essowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri ey'omu watukuvu

- bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 20** ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 21** ente ennume envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutannamala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 22** embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 23** era okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Nesaneri mutabani wa Zuwaali.
- 24** Ku lunaku olw'okusatu Eriyaabu mutabani wa Keroni, omukulu w'abaana ba Zebbu-loomi n'awaayo:
- 25** ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri ensanvu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 26** ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 27** ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 28** embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 29** era okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Eriyaabu mutabani wa Keroni.
- 30** Ku lunaku olw'okuna Erizuuli mutabani wa Sedewuli, omukulu w'abaana ba Lewubeeni, n'awaayo:
- 31** ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri ensanvu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 32** ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 33** ente evubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 34** embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 35** era okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Erizuuli mutabaani wa Sedewuli.
- 36** Ku lunaku olw'okutaano Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi, omukulu w'abaana ba Simyoni n'awaayo:
- 37** ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsavu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 38** ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 39** ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 40** embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 41** n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi.
- 42** Ku lunaku olw'omukaaga Eriyasaafu mutabani wa Deweri, omukulu w'abaana ba Gaadi, n'awaayo:

- 43 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsavu, nga sekeri eyomu watukuvu bw'eri; byombi, nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 44 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 45 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 46 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 47 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Eriyasaafu mutabani wa Deweri.
- 48 Ku lunaku olw'omusanvu Erisaama mutabani wa Ammikudi omukulu w'abaana ba Efulayimu, n'awaayo;
- 49 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsavu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 50 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi ekijjudde obubaane;
- 51 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 52 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 53 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Erisaama mutabani wa Ammikudi.
- 54 Ku lunaku olw'omunaana Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli, omukulu w'abaana ba Manase, n'awaayo;
- 55 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsavu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 56 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 57 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyakebwa;
- 58 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 59 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Gamalyeri, mutabani wa Pedazuuli.
- 60 Ku lunaku olw'omwenda Abidaani mutabani wa Gidiyooni, omukulu w'abaana ba Benyamini, n'awaayo;
- 61 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsavu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 62 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 63 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 64 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 65 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu; ekyo kye kyali ekitone kya Abidaani mutabani wa Gidiyooni.

- 66 Ku lunaku olw'ekkumi Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi, omukulu w'abaana ba Ddaani, n'awaayo:
- 67 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 68 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 69 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 70 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 71 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi.
- 72 Ku lunaku olw'ekkumi n'olumu Pagiyeeri mutabani wa Okulaani, omukulu w'abaana ba Aseri, n'awaayo:
- 73 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsavu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 74 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi, ekijjudde obubaane;
- 75 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 76 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 77 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Pagiyeeri mutabani wa Okulaani.
- 78 Ku lunaku olw'ekkumi n'ebbiri Akira mutabani wa Enani, omukulu w'abaana ba Nafutaali, n'awaayo:
- 79 ekitone kye kyali ssowaani emu eya ffeeza, obuzito bwayo sekeri kikumi mu asatu, ekibya kimu ekya ffeeza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri; byombi nga bijjudde obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, okuba ekiweebwayo eky'obutta;
- 80 ekijiiko kimu ekya zaabu ekya sekeri kkumi ekijjudde obubaane;
- 81 ente envubuka emu, endiga ennume emu, omwana gw'endiga omulume gumu ogutan-namala mwaka gumu, okuba ekiweebwayo ekyokebwa;
- 82 embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi;
- 83 n'okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe, ente bbiri, endiga ennume ttaano, embuzi ennume ttaano, abaana b'endiga abalume bataano abatannamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Akira mutabani wa Enani.
- 84 Kuno kwe kwali okutukuza ekyoto, ku lunaku kwe kyafukirwako amafuta mu mikono gy'abakulu ba Isiraeri: essowaani kkumi na bbiri eza ffeeza, ebibya kkumi na bibiri ebya ffeeza, ebijiiko kkumi na bibiri ebya zaabu:
- 85 buli ssowaani eya ffeeza sekeri kikumi mu asatu, na buli kibya sekeri nsanvu: effeeza yonna ey'ebintu sekeri enkumi bbiri mu bina, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri;
- 86 ebijiiko ebya zaabu kkumi na bibiri, ebijjudde obubaane, buli kijiiko sekeri kkumi, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri: zaabu yonna ey'omu bijiiko sekeri kikumi mu abiri:
- 87 ente zonna okuba ekiweebwayo ekyokebwa kkumi na bibiri, endiga ennume kkumi na bbiri, abaana b'endiga abalume abatannamala mwaka gumu kkumi na babiri, n'obutta bwabyo obuweebwayo: n'embuzi ennume okuba ekiweebwayo olw'ekibi kkumi na bbiri:

- 88** n'ente zonna okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe ente abiri mu nnya, endiga ennume nkaaga, embuzi ennume nkaaga, abaana b'endiga abalume abatanna-mala mwaka gumu nkaaga. Okwo kwe kwali okutukuza ekyoto, bwe kyamala okufuk-ibwako amafuta.
- 89** Awo Musa bwe yayingira mu weema ey'okusisinkanirangamu okwogera naye, n'alyoka awulira Eddoboozi eryo nga lyogera naye nga liyima waggulu ku ntebe ey'okusaasira eyali ku sanduuko ey'obujulirwa, wakati wa bakerubi bombi: n'ayogera naye.

Essuula 8

- 1** Mukama n'ayogera ne Musa nti
- 2** Yogera ne Alooni omugambe nti Bw'onookoleezanga ettabaaza, ettabaaza omusavu zinaayakiranga mu maaso g'ekikondo.
- 3** Alooni n'akola bw'atyo; yakoleeza ettabaaza zaakyo okwakiranga mu maaso g'ekikondo, nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 4** Era guno gwe gwali omulimu ogw'ekikondo, mulimu gwa zaabu mpeese; okutuuka ku ntoho yaakyo, n'okutuuka ku bimuli byakyo, kyali mulimu muweese: ng'ekyokulabirako bwe kyali Mukama kye yalaga Musa, bw'atyo bwe yakola.
- 5** Mukama n'agamba Musa nti
- 6** Yawula Abaleevi mu baana ba Isiraeri, obalongoose.
- 7** Era bw'onoobakola bw'oti okubalongoosa: mansira ku bo amazzi ag'okutangirira, era akamwano bakayise ku mubiri gwabwe gwonna, booze engoye zaabwe, beerongoose.
- 8** Kale batwale ente envubuka, n'ekiweebwayo kyako eky'obutta, obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, n'ente envubuka ey'okubiri gitwale okuba ekiweebwayo olw'ekibi.
- 9** Awo onooyanjula Abaleevi mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu: n'okuaanya ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri:
- 10** n'oyanjula Abaleevi mu maaso ga Mukama: abaana ba Isiraeri ne balyoka bateeka emikono gyabwe ku Baleevi:
- 11** Alooni n'awaayo Abaleevi mu maaso ga Mukama okuba ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa, ku bw'abaana ba Isiraeri, babeerenga ab'okukola okuweereza kwa Mukama.
- 12** Abaleevi ne bateeka emikono gyabwe ku mitwe gy'ente; naawe oweeyo emu okuba ekiweebwayo, olw'ekibi, n'ey'okubiri okuba ekiweebwayo ekyokebwa, eri Mukama, okutangirira Abaleevi.
- 13** N'oteeka Abaleevi mu maaso ga Alooni ne mu maaso ga batabani be, n'obawaayo okuba ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa eri Mukama.
- 14** Bw'otyo bw'onooyawula Abaleevi mu baana ba Isiraeri: n'Abaleevi banaabanga bange.
- 15** Oluvannyuma Abaleevi ne balyoka bayingira okukolanga okuweereza okw'omu weema ey'okusisinkanirangamu; naawe onoobalongoosa, n'obawaayo okuba ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa.
- 16** Kubanga baweerddwayo ddala gye ndi mu baana ba Isiraeri; naabeetwalira mu kifo ky'abo bonna abaggula nda, be babereberye ku baana ba Isiraeri bonna.
- 17** Kubanga ababereberye bonna mu baana ba Isiraeri bange, oba nga muntu oba nga nsolo: ku lunaku kwe nnakubira ababereberye bonna mu nsi y'e Misiri nabeetukuliza.
- 18** Era ntutte Abaleevi mu kifo ky'ababereberye bonna mu baana ba Isiraeri.
- 19** Era mpadde Abaleevi okuba ekirabo eri Alooni n'eri batabani be nga mbaggya mu baana ba Isiraeri, okukolanga okuweereza kw'abaana ba Isiraeri mu weema

ey'okusisinkanirangamu, n'okutangiriranga abaana ba Isiraeri: walemenga okuba ekibonyoobonyo kyonna mu baana ba Isiraeri, abaana ba Isiraeri nga basembera mu watukuvu.

- 20 Bw'atyo Musa bwe yakola Abaleevi ne Alooni, n'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri: nga byonna bwe byali Mukama bye yalagira Musa ku Baleevi, bwe batyo abaana ba Isiraeri bwe baabakola.
- 21 Abaleevi ne beerongoosa mu kibi, ne booza engoye zaabwe; Alooni n'abawaayo okuba ekiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa mu maaso ga Mukama; Alooni n'abatan-girira okubalongoosa.
- 22 Awo oluvannyuma Abaleevi ne balyoka bayingira okukolanga okuweereza kwabwe mu weema ey'okusisinkanirangamu mu maaso ga Alooni, ne mu maaso ga batabani be: nga Mukama bwe yali alagidde Musa ku Baleevi, bwe batyo bwe baabakola.
- 23 Mukama n'agamba Musa nti
- 24 Bino bye by'Abaleevi: abakamaze emyaka abiri mu etaano n'okukirawo banaayingi-ranga okulwanira olutalo mu mulimu ogw'omu weema ey'okusisinkanirangamu:
- 25 era bwe banaawezanga emyaka ataano, banaalekeranga awo okulwanira mu mulimu, nga tebakyaweereza;
- 26 naye banaakoleranga wamu ne baganda baabwe mu weema ey'okusisinkanirangamu, okukuuma bye baateresebwa, nga tebaweereza kuweereza kwonna. Bw'otyo bw'onookola Abaleevi mu ebyo bye baateresebwa.

Essuula 9

- 1 Mukama n'agambira Musa mu ddungu lya Sinaayi, mu mwezi ogw'olubereberye ogw'omwaka ogw'okubiri nga bamaze okuva mu nsi y'e Misiri, nti
- 2 Era abaana ba Isiraeri bakwatenga Okuyitako mu ntuuko zaakwo ezaalagirwa.
- 3 Ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi guno, akawungeezi, kwe munaakukwati-ranga mu ntuuko zaakwo ezaalagirwa: ng'amateeka gaakwo gonna n'obulombolombo bwakwo bwonna bwe buli, bwe munaakukwatanga bwe mutyo.
- 4 Musa n'agamba abaana ba Isiraeri bakwatenga Okuyitako.
- 5 Ne bakwatira Okuyitako mu mwezi ogw'olubereberye, ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi, akawungeezi, mu ddungu lya Sinaayi: nga byonna bwe byali Mukama bye yalagira Musa, bwe batyo bwe baakola abaana ba Isiraeri.
- 6 Awo ne wabaawo abantu abaali nga si balongoofu olw'omulambo gw'omuntu, n'obu-tayinza ne batayinza kukwatira Kuyitako ku lunaku olwo: ne bajja mu maaso ga Musa ne Alooni ku lunaku olwo:
- 7 abantu abo ne bamugamba nti Tetuli balongoofu olw'omulambo gw'omuntu: ekituziy-iza kiki okuwaayo ekitone kya Mukama mu ntuuko zaakwo mu baana ba Isiraeri?
- 8 Musa n'abagamba nti Musooke muleke; ndyoke mpulire Mukama ky'anaalagira ku mmwe.
- 9 Mukama n'agamba Musa nti
- 10 Gamba abaana ba Isiraeri nti Omuntu yenna ku mmwe oba ku mirembe gyammwe bw'anaabanga si mulongoofu olw'omulambo, oba bw'anaabanga ali mu lugendo ewala, naye anaakwatanga Okuyitako eri Mukama:
- 11 mu mwezi ogw'okubiri ku lunaku olw'ekkumi n'ennya akawungeezi kwe banaakuk-watiranga; banaakulyanga n'emigaati egitazimbulukuswa n'enva ezikaawa:
- 12 tebasigazangako okutuusa enkya, so tebamenyanga ggumba lyakwo: ng'etteeka lyonna ery'Okuyitako bwe liri bwe banaakukwatanga bwe batyo.
- 13 Naye omuntu omulongoofu so atali mu lugendo, n'aleka okukwata Okuyitako, obu-lamu obwo bunaazikirizibwanga mu bantu be: kubanga tawaddeyo kitone kya

- Mukama mu ntuuko zaakyo ezaalagirwa, omuntu oyo anaabangako ekibi kye.
- 14 Era omugenyi bw' anaatuulanga mu mmwe, n' ayagala okukwata Okuyitako eri Mukama; ng' etteeka ery' Okuyitako n' obulombolombo bwakwo bwe buli, bw' anaakolanga bw' atyo: munaabanga n' etteeka limu eri omugenyi era n' eri oyo eyazaalirwa mu nsi.
 - 15 Awo ku lunaku enayumba kwe yasimbirwa ekire ne kibikka ku nnyumba y' eweema ey' obujulirwa: era akawungeezi ne kiba ku nnyumba ng' ekifaananyi ky' omuliro, okutuusa enkya.
 - 16 Bwe kyabanga bwe kityo ennaku zonna: ekire kyagibikkangako, n' ekifaananyi ky' omuliro ekiro.
 - 17 Era buli ekire lwe kyaggibwangako ku Weema, awo abaana ba Isiraeri ne balyoka batambula: ne mu kifo ekire mwe kyabeeranga, awo abaana ba Isiraeri we baasiisiranga.
 - 18 Abaana ba Isiraeri baatambulanga lwa kiragiyo kya Mukama, era baasiisiranga lwa kiragiyo kya Mukama: ekiseera kyonna ekire kye kyamalanga ku nnyumba baatuulanga mu lusiisira.
 - 19 Era ekire bwe kyalwanga ennaku nnyingi ku nnyumba, awo abaana ba Isiraeri ne bakwatanga ekiragiyo kya Mukama, ne batatambula.
 - 20 Era oluusi ekire kyamalanga ennaku ntono ku nnyumba; awo ng' ekiragiyo kya Mukama bwe kyali ne batuulanga mu lusiisira, era ng' ekiragiyo kya Mukama bwe kyali baatambulanga.
 - 21 Era oluusi ekire kyabangako okusooka akawungeezi okutuusa enkya; era ekire bwe kyaggibwangako enkya ne batambula: oba bwe kyabangako emisana n' ekiro, ekire bwe kyaggibwangako, ne batambula.
 - 22 Oba nga nnaku bbiri oba nga mwezi oba nga mwaka, ekire bwe kyalwanga ku nnyumba, nga kibeera okwo, abaana ba Isiraeri ne batuulanga mu lusiisira, ne batatambula: naye bwe kyaggibwangako, ne batambulanga.
 - 23 Baasiisiranga lwa kiragiyo kya Mukama, era baatambulanga lwa kiragiyo kya Mukama: baakwatanga ebyo Mukama bye yakuutira, olw' ekiragiyo kya Mukama mu mukono gwa Musa.

Essuula 10

- 1 Mukama n' agamba Musa nti
- 2 Weekolere amakondeere abiri ga ffeeza; onoogakola n' omulimu omuweese: era ganaabanga gy' oli ga kuyita kibiina, era ga kutambuza nsiisira.
- 3 Era bwe banaagafuuwanga, ekibiina kyonna kinakuaaniranga gy' oli ku mulyango gw' eweema ey' okusisinkanirangamu.
- 4 Era bwe banaafuuwanga erimu lyokka, kale abakulu, emitwe gy' enkumi za Isiraeri, banaakuaaniranga gy' oli.
- 5 Era bwe munaagafuuwanga okugalaya, ensiisira eziri ku luuyi olw' ebugwanjuba zinaatambulanga.
- 6 Era bwe munaagafuuwanga okugalaya omulundi ogw' okubiri, ensiisira eziri ku luuyi olw' obukiika obwa ddyo zinaatambulanga: banaagafuuwanga okugalaya olw' okutambula kwabwe.
- 7 Naye ekibiina bwe kinaabanga kya kukuaanyizibwa, munaafuuwanga, naye temugalayanga.
- 8 Ne batabani ba Alooni, bakabona, banaafuuwanga amakondeere; era ganaabanga gye muli tteeka eritaliggwaawo mu mireembe gyammwe gyonna.
- 9 Era bwe munaatabaalanga mu nsi yammwe omulabe abajooga, kale munaafuuwanga

amakondeere okugalaya; era munajjukirwanga mu maaso ga Mukama Katonda wammwe, era munaalokokanga mu balabe bammwe.

- 10 Era ku lunaku olw'essanyu lyammwe, ne ku mbaga zammwe ezaalagirwa, n'emyezi gyammwe we ginaasookeranga, munaafuwanga amakondeere ago ku biweebwayo byammwe ebyokebwa ne ku ssaddaaka ez'ebyammwe ebiweebwayo olw'emirembe; era ganaabanga gye muli kijjukizo mu maaso ga Katonda wammwe: nze Mukama Katonda wammwe.
- 11 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okubiri, mu mwezi ogw'okubiri, ku lunaku olw'abiri olw'omwezi, ekire ne kiggibwa kungulu ku weema ey'obujulirwa.
- 12 Abaana ba Isiraeri ne basitula ng'ebiramago byabwe bwe byali ne bava mu ddungu lya Sinaayi; ekire ne kiyimirira mu ddungu lya Palani.
- 13 Ne basooka okusitula ng'ekiragiro kya Mukama bwe kyali mu mukono gwa Musa.
- 14 Ebendera ey'olusiisira olw'abaana ba Yuda n'ekulembera n'esitula ng'eggye lyabwe bwe lyali: n'omukulu w'eggye lye yali Nakusoni mutabani wa Amminadaabu.
- 15 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Isakaali yali Nesaneri mutabani wa Zuwaali.
- 16 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Zebbulooni yali Eriyaabu mutabani wa Keroni.
- 17 Ennyumba n'esimbulibwa; batabani ba Gerusoni ne batabani ba Merali, abeetikanga ennyumba, ne basitula.
- 18 Ebendera y'olusiisira lwa Lewubeeni n'etambula ng'eggye lyabwe bwe lyali: n'omukulu w'eggye lye yali Erizuuli mutabani wa Sedewuli.
- 19 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Simyoni yali Serumiyeeri mutabani wa Zulisadaayi.
- 20 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Gaadi yali Eriyasaafu mutabani wa Deweri.
- 21 Abakokasi ne beetikka nga basitudde awatukuvu: bali ne basimbanga ennyumba bo nga tebannatuuka.
- 22 Ebendera ey'olusiisira lw'abaana ba Efulayimu n'esitula ng'eggye lyabwe bwe lyali: n'omukulu w'eggye lye yali Erisaama mutabani wa Ammikudi,
- 23 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Manase yali Gamalyeri mutabani wa Pedazuuli.
- 24 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Benyamini yali Abidaani mutabani wa Gidiyooni.
- 25 Ebendera y'olusiisira lw'abaana ba Ddaani, eyasembanga ensiisira zonna, n'esitula ng'eggye lyabwe bwe lyali: n'omukulu w'eggye lye yali Akiyezeeri mutabani wa Amisadaayi.
- 26 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Aseri yali Pagiyeeri mutabani wa Okulaani.
- 27 N'omukulu w'eggye ly'ekika ky'abaana ba Nafutaali yali Akira mutabani wa Enani.
- 28 Okwo kwe kwali okutambula kw'abaana ba Isiraeri ng'eggye lyabwe bwe lyali; ne basitula.
- 29 Awo Musa n'agamba Kobabu mutabani wa Leweri Omumidiyaani, mukoddomi wa Musa, nti Tutambula okugenda mu kifo Mukama kye yayogerako nti Ndikibawa: jjangu ggwe ogende naffe, naffe tunaakukolanga bulungi: kubanga Mukama yayogera ebirungi ku Isiraeri.
- 30 N'amugamba nti Sijja kugenda: naye naddayo mu nsi y'ewaffe n'eri enda zange.
- 31 N'agamba nti Totuleka, nkwegayiridde; kubanga ggwe omanyi bwe tuba tusiisiranga mu ddungu, era onoobanga gye tuli ng'amaaso.
- 32 Kale olunaatuukanga, bw'onoogenda naffe, weewaawo, olunaatukanga buli birungi

byonna Mukama by'anaatukolanga ffe, ebyo tunaakukolanga naawe.

- 33 Ne basitula ne bava ku lusozi lwa Mukama okutambula olugendo olw'ennaku essatu; n'essanduuko ey'endagaano ya Mukama n'ebakulemba olugendo olw'ennaku essatu okubanoonyeza ekifo eky'okuwummuliramu.
- 34 N'ekire kya Mukama kyabanga ku bo emisana, bwe baasitulanga okuva mu lusiisira.
- 35 Awo olwatuukanga essanduuko bwe yasilulwanga Musa n'ayogera nti Golokoka, ai Mukama, abalabe bo basaasaanyizibwe; n'abo abakukyaye badduke mu maaso go.
- 36 Era bwe yayimiriranga n'ayogera nti Komawo, ai Mukama, eri obukumi obw'enkumi za Isiraeri.

Essuula 11

- 1 Abantu ne baba nga beemulugunya, nga boogera bubu mu matu ga Mukama: Mukama bwe yabawulira obusungu bwe ne bubuubuuka; omuliro gwa Mukama ne gwokya mu bo, ne gulya ku nkomerero y'olusiisira.
- 2 Abantu ne bakaabira Musa; Musa n'asaba Mukama, omuliro ne gukkakkana.
- 3 Ekifo ekyo ne kituumibwa erinnya Tabera: kubanga omuliro gwa Mukama gwayokya mu bo.
- 4 Awo ekibiina eky'abasenze ekyali mu bo ne batanula okwegomba: n'abaana ba Isiraeri nabo ne bakaaba amaziga nate, ne bagamba nti Ani anaatuwa ennyama okulya?
- 5 Tujjukira ebyennyanya bye twaliiranga obwereere mu Misiri; wuju n'ensuju n'enva n'obutungulu n'ebiyokuliira:
- 6 naye kaakano obulanu bwaffe bukalisidde ddala; tewali kintu n'akatono: tetulina kintu kye tuba twesiga wabula emmaanu eno.
- 7 Era emmaanu yalianga ensigo za jaada, n'ekifaananyi kyayo ng'ekifaananyi kya bedola.
- 8 Abantu ne batambulambula, ne bagikuaanya ne bagiseera ku mmengo, oba ne bagisekulira mu binu, ne bagifumba mu ntamu, ne bagiggyamu emigaati: n'okuwooma kwayo kwalianga okuwooma kw'amafuta amaggya.
- 9 Era omusulo bwe gwagwanga ku lusiisira ekiro, emmaanu n'egwanga ku gwo.
- 10 Musa n'awulira abantu nga bakaaba amaziga mu nda zaabwe zonna, buli muntu ku mulyango gw'eweema ye: obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka nnyo: Musa n'anyiiga.
- 11 Awo Musa n'agamba Mukama nti Kiki ekikukozezza obubi omuddu wo? era kiki ekindobedde okulaba ekisa mu maaso go, n'okussaako n'onzisaako omugugu gw'abantu bano bonna?
- 12 Nze nnali olubuto lw'abantu bano bonna? nze nabazaala, n'okugamba n'oamba nti Basitule mu kifuba kyo nga kitaawe w'omwana omulezi bw'asitula omwana ayonka, okubatwala mu nsi gye walayirira bajjajja baabwe?
- 13 Nandiggye wa nze ennyama okugabira abantu bano bonna? kubanga bankaabira nga boogera nti Tuwe ennyama tulye.
- 14 Nze siyinda kusitula bantu bano bonna nzekka, kubanga bayinze okunzitoowerera.
- 15 Era bw'ononkola bw'otyoo, nzitira ddala mangu ago, nkwegayiridde, oba nga ndabye ekisa mu maaso go; nneme okulaba ennaku zange.
- 16 Mukama n'agamba Musa nti Nkuaanyiza abasajja nsanvu ab'oku bakadde ba Isiraeri, b'omanyi okuba abakadde b'abantu n'abakulu abanaabafuganga; obaleete ku weema eyokusisinkanirangamu, bayimirire eyo wamu naawe.
- 17 Nange nakka ne njogerera naawe eyo: era naatoola ku mwoyo oguli ku ggwe, ne nguteeka ku bo; nabo banaasitulanga omugugu gw'abantu wamu naawe, olemenga okugusitula ggwe wekka.

- 18 Era gamba abantu nti Mwetukulize olunaku olw'enkyā, era mulirya ennyama: kubanga mukaabidde amaziga mu matu ga Mukama nga mwogera nti Ani alituwa ennyama okulya? kubanga twali bulungi mu Misiri: Mukama kyaliva abawa ennyama, ne mulya.
- 19 Temuliriirako lunaku lumu, newakubadde ennaku ebbiri, newakubadde ennaku ettaano, newakubadde ennaku ekkumi, newakubadde ennaku abiri;
- 20 naye mwezi mulamba, okutuusa lw'erifulumira mu nnyindo zammwe, ne muginyiwa: kubanga mugaanyi Mukama ali mu mmwe, ne mukaabira amaziga mu maaso ge nga mwogera nti Ekyatuggya ki mu Misiri?
- 21 Musa n'agamba nti Abantu be ndimu wakati, be basajja abatambula n'ebigere obusirivu mukaaga: naye ogambye nti Ndibawa ennyama baliireko omwezi omulamba.
- 22 Banaabattiranga endiga n'ente okubamalanga? oba balibakuaanyiza ebyennyanya byonna eby'omu nnyanja okubamalanga?
- 23 Mukama n'agamba Musa nti Omukono gwa Mukama guyimpawadde? kaakano onoolaba oba ng'ekigambo kyange kinaatuukirira gy'oli nantiki si weewaawo.
- 24 Musa n'afuluma n'abuulira abantu ebigambo bya Mukama: n'akuaanya abasajja nsanvu ab'oku bakadde b'abantu, n'abassaawo okwetooloola Eweema.
- 25 Mukama n'akkira mu kire n'ayogera naye, n'atoola ku mwoyo ogwali ku ye, n'aguteeka ku bakadde ensanvu: awo olwatuuka omwoyo bwe gwatuula ku bo ne balagula, naye ne bakomya awo.
- 26 Naye ne musigala mu lusiisira abasajja babiri, erinnya ly'omu Eridaadi, n'erinnya ly'omulala Medadi: omwoyo ne gutuula ku bo; era baali ku muwendo gw'abo abaawandiikibwa, naye baali tebafulumye okugenda ku Weema: ne balagulira mu lusiisira.
- 27 Omulenzi n'adduka n'abuulira Musa n'agamba nti Eridaadi ne Medadi balagulira mu lusiisira.
- 28 Yoswa mutabani wa Nuuni, omuweereza wa Musa, omu ku basajja be abalonde, n'addamu n'agamba nti Mukama wange Musa, bagaane.
- 29 Musa n'agamba nti Obuggya bukukutte ku lwange? abantu bonna aba Mukama singa bannabbi, Mukama singa abateekako omwoyo gwe!
- 30 Musa ne yeddirayo mu lusiisira, ye n'abakadde ba Isiraeri.
- 31 Empewo n'efuluma eri Mukama, n'ereeta obugubi okuva ku nnyanja, n'ebugwisa mu lusiisira, ng'olugendo olw'olunaku olumu ku luuyi luno, n'olugendo olw'olunaku olumu ku luuyi luli, okwetooloola olusiisira, ng'emikono ebiri okutuuka ku ttaka we bwali.
- 32 Abantu ne bagolokoka ne bazibya olunaku olwo, ne bakeesa obudde, ne bazibya obudde obw'enkyā, ne bakuaanya obugubi: eyakuaanya obutono, yakuaanya komeri kkumi: ne babweyanikira wonna wonna okwetooloola olusiisira.
- 33 Ennyama bwe yali ng'ekyali wakati mu mannyo gaabwe, nga tebannaba kugigaaya, obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku bantu, Mukama n'akuba abantu ekibonyoobonyo kinene nnyo.
- 34 Ekifo ekyo ne kituumibwa erinnya Kibezosukataava: kubanga we baaziika abantu abeegomba.
- 35 Abantu ne basitula e Kiberosukataava ne batambula ne bagenda e Kazerosi; ne batuula e Kazerosi.

Essuula 12

- 1 Awo Miryamu ne Alooni ne boogera obubi ku Musa olw'omukazi Omukuusi gwe yali awasizza: kubanga yali awasizza omukazi Omukuusi.

- 2 Ne boogera nti Mazima Mukama yayogera ne Musa yekka? era teyayogera naffe? Mukama n'abiwulira.
- 3 Era omusajja Musa yali muwombeefu nnyo, okusinga abantu bonna abaali ku nsi yonna.
- 4 Mukama n'ayogera mangu ago ne Musa ne Alooni ne Miryamu nti Mufulume mwen-satule mujje ku weema ey'okusisinkanirangamu. Abo bonsatule ne bafuluma.
- 5 Mukama n'akkira mu mpagi ey'ekire, n'ayimirira ku mulyango gw'Eweema, n'ayita Alooni ne Miryamu: bombi ne bafuluma.
- 6 N'ayogera nti Muwulire nno ebigambo byange: oba nga munaabanga mu mmwe nabbi, nze Mukama neetegeezeza gy'ali mu kwolesebwa, naayogereranga naye mu kirooto.
- 7 Omuddu wange Musa si bw'ali bw'atyo; oyo mwesigwa mu nnyumba yange yonna:
- 8 oyo naayogeranga naye akamwa n'akamwa, mu lwatu, so si mu bigambo bya ngero; n'okufaanana kwa Mukama anaakulabanga: kale ekyabalobera ki okutya okwogera obubi ku muddu wange, ku Musa?
- 9 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku bo; ne yeeviirawo.
- 10 Ekire ne kiva waggulu ku Weema; era laba, Miryamu n'abaako ebigenge, ng'omuzira: Alooni n'atunuulira Miryamu, era, laba, ng'aliko ebigenge.
- 11 Alooni n'agamba Musa nti Ai mukama wange, nkwegayiridde, totuteekako kibi, kubanga tukoze eby'obusirusiru era nga tukoze ekibi.
- 12 Nkwegayiridde aleme okuba ng'omufu, omubiri gwe nga gwonooneseekeo ekitundu ng'ava mu lubuto lwa nnyina.
- 13 Musa n'akaabira Mukama ng'ayogera nti Muwonye, ai Katonda, nkwegayiridde.
- 14 Mukama n'agamba Musa nti Kitaawe singa amuwandidde amalusu obulusu mu maaso, ensonyi tezandimukwatidde ennaku musanvu? asibirwe ebweru w'olusiisira ennaku musanvu, kale oluvannyuma alyoke ayingizibwe nate.
- 15 Miryamu n'asibirwa ebweru w'olusiisira ennaku musanvu: abantu ne batatambula okutuusa Miryamu lwe yayingizibwa nate.
- 16 Awo oluvannyuma abantu ne basitula e Kazerosi ne batambula ne basiisira mu ddungu lya Palani.

Essuula 13

- 1 Awo Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Tuma abantu bakette ensi ya Kanani, gye mpa abaana ba Isiraeri: munaggya omuntu ku buli kika kya bakitaabwe ne mumutuma, buli muntu omukulu mu bo.
- 3 Awo Musa n'abatuma ng'ayima mu ddungu lya Palani ng'ekiragiro kya Mukama bwe kyali: bonna abasajja abaali emitwe gy'abaana ba Isiraeri.
- 4 N'amannya gaabwe ge gano: ku kika kya Lewubeeni, Semuwa mutabani wa Zakula.
- 5 Ku kika kya Simyoni, Safati mutabani wa Koli.
- 6 Ku kika kya Yuda, Kalebu mutabani wa Yefune.
- 7 Ku kika kya Isakaali, Igali mutabani wa Yusufu.
- 8 Ku kika kya Efulayimu, Koseya mutabani wa Nuuni.
- 9 Ku kika kya Benyamini, Paluti mutabani wa Lafu.
- 10 Ku kika kya Zebbulooni, Gadyeri mutabani wa Sodi.
- 11 Ku kika kya Yusufu, kye kika kya Manase, Gaadi mutabani wa Susi.
- 12 Ku kika kya Ddaani, Ammiyeri mutabani wa Gemali.
- 13 Ku kika kya Aseri, Sesula mutabani wa Mikaeri.
- 14 Ku kika kya Nafutaali, Nakabi mutabani wa Vofesi.
- 15 Ku kika kya Gaadi, Geweri mutabani wa Maki.

- 16 Ago ge mannya g'abantu Musa be yatuma okuketta ensi. Musa n'atuuma Koseya mutabani wa Nuuni Yoswa.
- 17 Musa n'abatuma okuketta ensi ya Kanani, n'abagamba nti Mwambukire mu kkubo lino ery'obukiika obwa ddyo, mulinnye ku nsozi
- 18 mulengere ensi bw'eri; n'abantu abagituulamu oba nga ba maanyi oba nga banafu, oba nga batono oba nga bangi;
- 19 era ensi bw'eri gye batuulamu, oba nga nnungi oba nga mbi; n'ebibuga bwe biri bye batuulamu, oba nga nsiisira, oba nga mu bigo;
- 20 era ensi bw'eri, oba nga ngimu oba nga nkalu, oba nga mulimu emiti oba nga temuli. Era mugume omwoyo, muleete ku bibala byamu. Era ebiro byali biro bya zabbibu ezisooka okweagera.
- 21 Awo ne bambuka, ne baketta ensi okuva ku ddungu lya Zini okutuuka e Lekobu, okutuusa w'oyingirira e Kamasi
- 22 Ne bambukira obukiika obwa ddyo, ne batuuka e Kebbulooni; era Akimaani, Sesayi, ne Talumaayi, abaana ba Anaki, baali bali eyo. (Era Kebbulooni kyali kyakamaze emyaka musaavu okuzimbibwa, ne balyoka bazimba Zowani ekiri mu Misiri
- 23 Ne batuuka mu kiwonvu e Esukoli, ne batemayo ettabi eryaliko ekirimba kimu ekya zabbibu, ne bakisitulira ku musituliro abantu babiri; era baaleeta ne ku makoma-mawanga, ne ku ttiini.
- 24 Ekifo ekyo ne kiyitibwa ekiwonvu Esukoli, olw'ekirimba abaana ba Isiraeri kye baatemayo.
- 25 Awo ne bakomawo nga bamaze okuketta ensi ennaku ana nga ziyiseewo.
- 26 Ne batuuka ne bajja eri Musa n'eri Alooni n'eri ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, mu ddungu lya Palani, e Kadesi; ne babaddiza ebigambo bo n'ekibiina kyonna, ne babalaga ebibala by'ensi.
- 27 Ne bamubuulira ne bagamba nti Twatuuka mu nsi gye watutuma, era mazima eku-lukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki; era bino bye bibala byayo.
- 28 Naye abantu abatuula mu nsi ba maanyi, n'ebibuga biriko enkomera, binene nnyo: era nate twalabayo abaana ba Anaki.
- 29 Amaleki atuula mu nsi ey'obukiika obwa ddyo: n'Omukiiti, n'Omuyebusi, n'Omwamoli, batuula ku nsozi: n'Omukanani atuula kumpi n'ennyanja, era ku lubalama lwa Yoludaani.
- 30 Kalebu n'asirisa abantu mu maaso ga Musa, n'agamba nti Twambuke mangu ago, tugirye; kubanga tuyinziza ddala okugiwangula.
- 31 Naye abantu abaayambukira awamu naye ne bagamba nti Tetuyinza kwambuka ku bantu abo; kubanga batukiza amaanyi.
- 32 Ne baleeta ebigambo ebibi eby'ensi gye baali bakesse eri abaana ba Isiraeri nga boogera nti Ensi gye twayitamu okugiketta, nsi eriira ddala abagituulamu; n'abantu bonna be twalaba omwo basajja bawanvu nnyo.
- 33 Era twalabayo Banefiri, abaana ba Anaki, abaava ku Banefiri: naffe ne tuba mu maaso gaffe ng'obwacaaka, era bwe twali mu maaso gaabwe.

Essuula 14

- 1 Awo ekibiina kyonna ne bayimusa eddoboosi lyabwe, ne balira; abantu ne bakaaba amaziga ekiro ekyo.
- 2 Abaana ba Isiraeri bonna ne beemulugunyiza Musa ne Alooni: ekibiina kyonna ne babagamba nti Singa twafiira mu nsi y'e Misiri! oba singa twafiira mu ddungu muno!
- 3 Era Mukama atuleetera ki mu nsi muno, okugwa n'ekitala? Bakazi baffe n'abaana baffe abato baliba munyago: si kye kisinga obulungi gye tuli okuddayo mu Misiri?

- 4 Ne bagambagana nti Tweteekerewo omugabe, tuddeyo mu Misiri.
- 5 Awo Musa ne Alooni ne bavuunama amaso gaabwe mu maaso g'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri.
- 6 Yoswa mutabani wa Nuuni ne Kalebu mutabani wa Yefune, abaali ku muwendo gw'abo abaaketta ensi, ne bayuza engoye zaabwe:
- 7 ne babuulira ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri nga boogera nti Ensi gye twayitamu okugiketta nsi nnungi nnyo.
- 8 Mukama oba ng'atusanyukira, kale alituyingiza mu nsi omwo, n'agituwa; ensi eku-lukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki.
- 9 Kyokka temujeemera Mukama, so temutya bantu ba mu nsi; kubanga kya kulya gye tuli: ekisiikirize kyabwe kiggiddwa waggulu ku bo, era Mukama ali wamu naffe: temubatya.
- 10 Naye ekibiina kyonna ne balagira okubakuba amayinja. Ekitiibwa kya Mukama ne kirabikira mu weema ey'okusisinkanirangamu eri abaana ba Isiraeri bonna.
- 11 Mukama n'agamba Musa nti Abantu bano balituusa wa okunnyooma? era balituusa wa obutanzikiriza olw'obubonero bwonna bwe nnakolera mu bo?
- 12 N'abakuba ne kawumpuli, ne mbaggyako obusika bwabwe, ne nkuggyamu eggwanga eribasinga bo obunene n'amaanyi.
- 13 Musa n'agamba Mukama nti Kale Abamisiri balikiwulira; kubanga waggya abantu bano mu bo n'amaanyi go n'obalinyisa;
- 14 ne bakibuulira abatuula mu nsi muno: baawulira nga ggwe Mukama oli wakati mu bantu bano; kubanga ggwe Mukama olabika amaaso n'amaaso, n'ekire kyo kiyimirira ku bo, n'obakulembera, mu mpagi ey'ekire emisana, ne mu mpagi ey'omuliro ekiro.
- 15 Kale bw'onotta abantu bano ng'omuntu omu, kale amawanga agaawulira ettutumu lyo balyogera
- 16 nti Kubanga Mukama teyayinza kuyingiza bantu bano mu nsi gye yabalayirira, kyeyava abattira mu ddungu.
- 17 Kale kaakano, nkwegayiridde obuyinza bwa Mukama bubeere bungi, nga bwe wayogera
- 18 nti Mukama alwawo okusunguwala, era ow'okusaasira kungi, asonyiwa obutali butuukirivu n'okusobya, era atalimuggyako musango n'akatono aguliko; awalana obutali butuukirivu bwa bajjajja baabwe ku baana, ku mirembe egy'okusatu n'egy'okuna.
- 19 Nkwegayiridde, sonyiwa, obutali butuukirivu bw'abantu bano ng'okusaasira kwo bwe kuli okungi, era nga bwe wasonyiwanga abantu bano okuva mu Misiri na guno gujwa.
- 20 Mukama n'agamba nti Nsonyiye ng'ekigambo kyo bwe kibadde:
- 21 naye mazima ddala, nga bwe ndi omulamu, era ng'ensi zonna bwe zirijjula ekitiibwa kya Mukama;
- 22 kubanga abasajja abo bonna abaalaba ekitiibwa kyange n'obubonero bwange bwe nnakolera mu Misiri ne mu ddungu, naye ne bankema emirundi gino ekkumi, ne batawulira ddooboozi lyange;
- 23 mazima tebaliraba nsi gye nnalayirira bajjajja baabwe, so tewaliba ku abo abannyooma n'omu aligiraba:
- 24 naye omuddu wange, Kalebu, kubanga ye alina omwoyo omulala mu ye, era ye angobererera ddala, oyo ndimuleeta mu nsi gye yagendamu; n'ezzadde lye lirigirya.
- 25 Kale Omwamaleki n'Omukanani batuula mu kiwonvu: enkya mukyuke, mwegendere mu ddungu mu kkubo ery'Ennyaaja Emmyufu.
- 26 Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 27 Ndituusa wa okugumiikiriza ekibiina kino ekibi, abanneemulugunyiza? Mpulidde okwemulugunya kw'abaana ba Isiraeri kwe banneemulugunyiza.

- 28 Bagambe nti Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, mazima nga bwe mwogedde mu matu gange, bwe ntyo bwe nnaabakolanga:
- 29 emirambo gyammwe girigwa mu ddungu muno; n'abo bonna abaabalibwa ku mmwe, ng'omuwendo gwammwe gwonna bwe gwali, abaali baakamaze emyaka abiri n'okukirawo, abanneemulugunyiza,
- 30 mazima temulituuka mu nsi, gye nnayimusiriza omukono gwange okubatuuzza omwo, wabula Kalebu mutabani wa Yefune, ye Yoswa mutabani wa Nuuni.
- 31 Naye abaana bammwe abato, be mugambye okuba omunyago, abo ndibayingiza, nabo balimanya ensi gye mugaanyi.
- 32 Naye mmwe, emirambo gyammwe girigwa mu ddungu muno.
- 33 N'abaana bammwe banaabanga batambuze mu ddungu okumala emyaka ana, era banaabangako obwenzi bwammwe, okutuusa emirambo gyammwe lwe girizikiririra mu ddungu.
- 34 Ng'omuwendo gw'ennaku bwe gwali ze mwaketteramu ensi, ze nnaku ana, buli lunaku mwaka, bwe munaabangako bwe mutyo obutali butuukirivu bwammwe, gye myaka ana, era munaamanyanga bwe nnabaabulira.
- 35 Nze Mukama njogedde, mazima ndikola kino ekibiina kino kyonna ekibi, abankuaaniddeko: mu ddungu muno mwe balizikiririra, era mwe balifira.
- 36 N'abantu Musa be yatuma okuketta ensi, abaakomawo ne bamwemulugunyizisa ekibiina kyonna, nga baleeta ebigambo ebibi ku nsi,
- 37 abantu abo abaaleeta ebigambo ebibi eby'ensi ne bafa kawumpuli mu maaso ga Mukama.
- 38 Naye Yoswa mutabani wa Nuuni ne Kalebu mutabani wa Yefune ne basigalawo nga balamu ku bantu abo abaagenda okuketta ensi.
- 39 Awo Musa n'abuulira abaana ba Isiraeri bonna ebigambo ebyo: abantu ne bawuubaala nnyo.
- 40 Ne bagolokoka enkya mu makya, ne beegendera ku ntikko y'olusozi nga boogera nti Laba, tutuuno, era tunaayambuka mu kifo Mukama kye yasubiza: kubanga tway-onoona.
- 41 Musa n'agamba nti Kaakano musobeza ki ekiragiyo kya Mukama, kubanga tekiibe na mukisa?
- 42 Temwambuka, kubanga Mukama tali mu mmwe; muleme okukubirwa ddala mu maaso g'abalabe bammwe.
- 43 Kubanga eyo Omwamaleki n'Omukanani bali mu maaso gammwe, era munaagwa n'ekitala: kubanga mwadda ennyuma obutagoberera Mukama, Mukama kyanaava alema okubeera nammwe.
- 44 Naye ne beeyinula okulinyya ku ntikko y'olusozi: naye ssanduuko ey'endagaano ya Mukama ne Musa tebaava mu lusiisira.
- 45 Awo Omwamaleki n'aserengeta, n'Omukanani eyatuula ku lusozi okwo, ne babakuba ne babaseera ddala okutuusa e Koluma.

Essuula 15

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Yogera n'abaana ba Isiraeri obagambe nti Bwe mulimala okutuuka mu nsi gye munaatuulangamu, gye mbawa,
- 3 era nga mwagadde okuwaayo ekiweebwayo n'omuliro eri Mukama, ekiweebwayo ekyokebwa oba ssaddaaka, okutuukiriza obweyamo, oba okuba kye muwaayo ku bwammwe, oba ku mbaga zammwe ezaalagirwa, okunyookereza Mukama evvumbe eddungi, ku nte oba ku ndiga:

- 4 kale oyo anaawangayo ekitone kye anaawangayo eri Mukama ekiweebwayo eky'obutta eky'ekitundu eky'ekkumi ekya efa ey'obutta obulungi obutabuddwamu ekitundu eky'okuna ekya ini ey'amafuta:
- 5 n'envinnyo okuba ekiweebwayo ekyokunywa, ekitundu eky'okuna ekya ini, onotegekanga wamu n'ekiweebwayo ekyokebwa oba olwa ssaddaaka, olwa buli mwana gw'endiga.
- 6 Oba olw'endiga ennume onotegekanga okuba ekiweebwayo eky'obutta ebitundu bibiri eby'ekkumi ebya efa ey'obutta obulungi obutabuddwamu ekitundu eky'okusatu ekya ini ey'amafuta:
- 7 era okuba ekiweebwayo ekyokunywa onoowangayo ekitundu eky'okusatu ekya ini ey'envinnyo, ey'akawoowo eri Mukama.
- 8 Era bw'onotegekanga ente okuba ekiweebwayo ekyokebwa oba okuba ssaddaaka, okutuukiriza obweyamo, oba okuba ebiweebwayo olw'emirembe eri Mukama:
- 9 kale anaawangayo wamu n'ente ekiweebwayo eky'obutta eky'ebitundu bisatu eby'ekkumi ebya efa ey'obutta obulungi obutabuddwamu ekitundu kya ini ey'amafuta.
- 10 Era onoowangayo okuba ekiweebwayo ekyokunywa kitundu kya ini ey'envinnyo, okuba ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'akawoowo eri Mukama.
- 11 Bwe kityo bwe kinaakolebwanga olwa buli nte, oba olwa buli ndiga ennume, oba olwa buli mwana gw'endiga omulume, oba abaana b'embuzi.
- 12 Ng'omuwendo gwe munaateekanga bwe gunaabanga, bwe munaakolanga bwe mutyo kinneemu ng'omuwendo gwazo bwe gunaabanga.
- 13 Enzaalwa bonna banaakolanga ebyo bwe batyo, bwe banaawangayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama:
- 14 Era omugenyi bw'anaatuulanga nammwe, oba buli anaabanga mu mmwe mu mirembe gyammwe gyonna, era ng'ayagadde okuwaayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama; nga mmwe bwe mukola, naye bw'anaakolanga bw'atyo.
- 15 Mu kibiina, wanaabangawo etteeka limu gye muli n'eri omugenyi anaatuulanga mu mmwe, etteeka eritaliggwaawo mu mirembe gyammwe gyonna: nga mmwe bwe muli, n'omugenyi bw'anaabanga bw'atyo mu maaso ga Mukama.
- 16 Etteeka limu n'obulombolombo bumu binaabanga gye muli n'eri omugenyi anaatuulanga nammwe.
- 17 Mukama n'agamba Musa nti
- 18 Yogera n'abaana ba Isiraeri obagambe nti Bwe mulituuka mu nsi gye mbatwala, awo olunaatuukanga,
- 19 bwe munaalyanga ku mugaati ogw'ensi, munaawangayo ekiweebwayo ekisitilibwa eri Mukama.
- 20 Ku mugoyo gwammwe ogw'olubereberye kwe munaggyanga omugaati ne muguwaayo okuba ekiweebwayo ekisitilibwa: nga bwe mukola ekiweebwayo ekisitilibwa eky'omu guuliro, bwe munaakisitilanga bwe mutyo.
- 21 Ku mugoyo gwammwe ogw'olubereberye kwe munaggyanga okuwa Mukama ekiweebwayo ekisitilibwa mu mirembe gyammwe gyonna.
- 22 Era bwe munaasobyanga ne mutakwata biragi bino byonna, Mukama bye yabuulira Musa,
- 23 byonna Mukama bye yabalagira n'omukono gwa Musa, okuva ku lunaku Mukama lwe yalagirirako, n'oluvannyuma lwonna mu mirembe gyammwe gyonna;
- 24 awo olunaatuukanga, bwe munaabanga mukikoze nga temumanyiridde, ekibiina nga tekimanyi, ekibiina kyonna banaawangayo ente emu envubuka okuba ekiweebwayo ekyokebwa, olw'evvumbe eddungi eri Mukama, wamu n'ekiweebwayo kyako

eky'obutta n'ekiweebwayo kyako eky'okunywa, ng'etteeka bwe liri, n'embuzi emu ennume okuba ekiweebwayo olw'ekibi.

- 25 Era kabona anaatangiriranga ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, era banaasonyiyibwanga; kubanga kubadde kusobya, era nga baleese ekitone kyabwe, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama, n'ekyabwe ekiweebwayo olw'ekibi mu maaso ga Mukama, olw'okusobya kwabwe:
- 26 n'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri banaasonyiyibwanga, n'omugenyi atuula mu bo; kubanga kyakolebwa nga tebamanyiridde eri abantu bonna.
- 27 Era omuntu bw'anaayonoonanga nga tamanyiridde, kale anaawangayo embuzi enduusi etennamala mwaka gumu okuba ekiweebwayo olw'ekibi.
- 28 Era kabona anaatangiriranga obulamu obusobya, bw'anaayonoonanga nga tamanyiridde, mu maaso ga Mukama, okumutangirira; kale anaasonyiyibwanga.
- 29 Munaabanga n'etteeka limu eri oyo anaakolanga ekikolwa kyonna nga tamanyiridde, eri enzaalwa mu baana ba Isiraeri, n'eri omugenyi atuula mu bo.
- 30 Naye obulamu obunaakolanga ekikolwa kyonna n'ekyejo, oba nga nzaalwa oba nga mugenyi, oyo ng'avvodde Mukama; n'obulamu obwo bunaazikirizibwanga mu bantu be.
- 31 Kubanga anyoomye ekigambo kya Mukama era ng'amenye ekiragiro kye; obulamu obwo bunaazikirizibwanga ddala, obutali butuukirivu bwe bunaabanga ku ye.
- 32 Awo abaana ba Isiraeri bwe baali nga bakyali mu ddungu, ne basanga omuntu ng'alondera enku ku lunaku lwa ssabbiiti.
- 33 N'abo abaamusanga ng'alonda enku ne bamuleetera Musa ne Alooni n'ekibiina kyonna.
- 34 Ne bamusiba, kubanga kyali tekinnategeezebwa bw'anaakolebwa.
- 35 Mukama n'agamba Musa nti Omuntu oyo taaleme kuttibwa: ekibiina kyonna kinaamukubira amayinja ebweru w'olusiisira.
- 36 Ekibiina kyonna ne bamutwala ebweru w'olusiisira, ne bamukuba amayinja, n'afa; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 37 Mukama n'agamba Musa nti
- 38 Yogera n'abaana ba Isiraeri obalagire okwekolera amatanvuwa ku nkugiro z'ebyambalo byabwe mu mirembe gyabwe gyonna, era bateeke omugwa ogwa kaniki ku matanvuwa agali ku buli lukugiro:
- 39 era ganaabanga gye muli amatanvuwa, mugalabenga mujjukire ebiragiro byonna ebya Mukama, mubikolenga; muleme okutambulambula okugoberera omutima gwammwe mmwe n'amaaso gammwe mmwe, bye muyisa okugoberera okwenda nabyo:
- 40 mujjukire ebiragiro byange byonna mubikole, mube batukuvu eri Katonda wammwe.
- 41 Nze Mukama Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri, okuba Katonda wammwe: nze Mukama Katonda wammwe.

Essuula 16

- 1 Awo Koola, mutabani wa Izukali, mutabani wa Kokasi, mutabani wa Leevi, ne Dasani ne Abiraamu, batabani ba Eriyaabu, ne Oni, mutabani wa Peresi, batabani ba Lewubeeni, ne batwala abantu:
- 2 ne bagolokoka mu maaso ga Musa, wamu n'abalala ab'oku baana ba Isiraeri, abakulu b'ekibiina bibiri mu ataano, abaayitibwa mu kkuaaniro, abasajja abaayatiikirira:
- 3 ne beekuaanyiza ku Musa ne ku Alooni ne babagamba nti Musinga okwekuza, kubanga ekibiina kyonna kitukuvu, buli muntu ku bo, era Mukama ali mu bo: kale mwegulumiriza ki okusinga ekibiina kya Mukama?

- 4 Awo Musa bwe yakiwulira n'avuunama amaaso ge
- 5 n'agamba Koola ne banne bonna nti Enkya Mukama anaalaga ababe bwe bali, n'omutukuvu bw'ali, era anaamusembeza gy'ali: oyo gw'anaalonda anaamusembeza gy'ali.
- 6 Mukole bwe muti; muddire ebyoterezo, Koola ne banne bonna;
- 7 muteeke omwo omuliro, mubiteekeko obubaane mu maaso ga Mukama enkya: kale olunaatuuka omuntu Mukama gw'anaalonda ye anaaba omutukuvu: muyinga okwekuza, mmwe batabani ba Leevi.
- 8 Musa n'agamba Koola nti Muwulire nno, mmwe batabani ba Leevi:
- 9 kyali kitono gye muli Katonda wa Isiraeri okubaawula mu kibiina kya Isiraeri, okubasembeza gy'ali; okukolanga okuweereza okw'omu nnyumba ya Mukama, n'okuyimiriranga mu maaso g'ekibiina okubaweereza:
- 10 n'okusembeza ggwe ne bagandabo bonna batabani ba Leevi wamu naawe? era munoonya n'obwakabona?
- 11 Kyemuvudde mukuaanira ku Mukama ggwe ne banno bonna: ne Alooni ye ani mmwe okumwemulugunyiza?
- 12 Musa n'atuma okuyita Dasani ne Abiraamu, batabani ba Eriyaabu: ne bagamba nti Tetujja kwambuka:
- 13 kyali kitono ggwe okutuggya mu nsi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki n'otulinnyisa, okututtira mu ddungu, era naye n'okugwanira ne kikugwanira okwefuula omulangira ku ffe?
- 14 Era nate totuleese mu nsi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki, so totuwadde busika bwa nnimiro n'ensuku ez'emizabbibu: oyagala okuggyamu amaaso abantu abo? tetujja kwambuka.
- 15 Awo Musa n'asunguwala nnyo, n'agamba Mukama nti Tossaayo mwoyo eri ekyabwe ekiweebwayo: sibaggyangako na ndogoyi emu, so sikolanga bubi n'omu ku bo.
- 16 Musa n'agamba Koola nti Ggwe n'ekibiina kyo, kyonna mubeere mu maaso ga Mukama, ggwe nabo ne Alooni, enkya:
- 17 muddire buli muntu ekyoterezo kye, mubiteekeko obubaane, muleete mu maaso ga Mukama buli muntu ekyoterezo kye, ebyoterezo ebikumi bibiri mu ataano; naawe ne Alooni, buli muntu ekyoterezo kye.
- 18 Ne baddira buli muntu ekyoterezo kye, ne babiteekamu omuliro, ne bassaako obubaane, ne bayimirira ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu wamu ne Musa ne Alooni.
- 19 Koola n'akuaanyiza ku bo ekibiina kyonna ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu: ekitiibwa kya Mukama ne kirabikira ekibiina kyonna.
- 20 Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 21 Mweyawule wakati mu kibiina kino ndyoke mbazikirize mangu ago.
- 22 Ne bavuunama amaaso gaabwe ne bagamba nti Ai Katonda, Katonda w'emyoyo gya bonna abalina emibiri, omuntu omu ng'ayonoonye onoosunguwalira ekibiina kyonna?
- 23 Mukama n'agamba Musa nti
- 24 Gamba ekibiina nti Mugolokoke muve ku weema ya Koola, Dasani, ne Abiraamu.
- 25 Musa n'agolokoka n'agenda eri Dasani ne Abiraamu; abakadde ba Isiraeri ne bamugoberera.
- 26 N'agamba ekibiina nti Mbeegayiridde, muve ku weema ez'abantu bano ababi, so temukoma ku kintu kyonna ku byabwe, muleme okuzikirizibwa mu bibi byabwe byonna.
- 27 Awo ne bagolokoka okuva ku nnyumba ya Koola, Dasani, ne Abiraamu, enjuyi zonna: Dasani ne Abiraamu ne bafuluma, ne bayimirira ku mulyango gw'eweema zaabwe, ne bakazi baabwe, ne batabani baabwe, n'abaana baabwe abato.
- 28 Musa n'agamba nti Ku kino kwe munaategeerera nga Mukama yantuma okukola

- emirimu gino gyonna; kubanga saayima mu magezi gange nze okugikola.
- 29** Abantu bano bwe balifa ng'abantu bonna bwe bafa bulijjo, oba bwe balijjirwa ng'abantu bonna bwe bajjirwa; kale Mukama nga teyantuma.
- 30** Naye Mukama bw'anaakola ekigambo ekiggya, ettaka ne lyasama akamwa kaalyo, ne libamira, wamu n'ebwabwe byonna, ne bakka nga balamu mu bunnya; kale munaategeera ng'abantu bano banyoomye Mukama.
- 31** Awo olwatuuka, bwe yali ng'agenda okumala okwogera ebigambo ebyo byonna, ettaka ne lyatika eryali wansi weabwe:
- 32** ensi n'eyasama akamwa kaayo, n'ebamira, n'ennyumba zaabwe, n'abantu bonna aba Koola, n'ebintu byabwe byonna
- 33** Bwe batyo bo n'ebwabwe byonna ne bakka nga balamu mu bunnya: ensi n'ebasaanikira, ne bazikirira mu kibiina.
- 34** Isiraeri yonna abaali babeetoolodde ne badduka olw'okulira kwabwe: kubanga baagamba nti Ensi ereme okutumira ffe.
- 35** Omuliro ne guva eri Mukama, ne gwokya abasajja ebibiri mu ataano abaawaayo obubaane.
- 36** Mukama n'agamba Musa nti
- 37** Gamba Eriyazaali mutabaani wa Alooni kabona, aggye ebyoterezo mu muliro, naawe ofuke eyo omuliro; kubanga bitukuvu;
- 38** ebyoterezo bya baa abayoonona ku bulamu bwabwe bo, babifuule essowaani eziweesebwa okubikka ku kyoto: kubanga babiwaddeyo mu maaso ga Mukama, kye bibeerde ebitukuvu: era binaabanga kabonero eri abaana ba Isiraeri.
- 39** Eriyazaali kabona n'atwala ebyoterezo eby'ebikomo, abo abookeddwa bye bawaddeyo; ne babiweesa okuba ekibikka ku kyoto:
- 40** okuba ekijjukizo eri abaana ba Isiraeri, munnaggwanga yenna, atali wa zzadde lya Alooni, alemenga okusembera okunyookeza obubaane mu maaso ga Mukama; alemenga okuba nga Koola, era nga banne: Mukama nga bwe yamugamba n'omukono gwa Musa.
- 41** Naye ku lw'enkya ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri ne beemulugunyiza Musa ne Alooni nga boogera nti Mwasse abantu ba Mukama.
- 42** Awo olwatuuka, ekibiina bwe kyali kikuaanidde ku Musa ne ku Alooni, ne batunuulira eweema ey'okusisinkanirangamu: era, laba, ekire nga kigibisseeko, ekitiibwa kya Mukama ne kirabika.
- 43** Musa ne Alooni ne bajja mu bwenyi bw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 44** Mukama n'agamba Musa nti
- 45** Mugolokoke muve wakati mu kibiina kino, mbazikirize mangu ago. Ne bavunama amaaso gaabwe.
- 46** Musa n'agamba Alooni nti Ddira ekyoterezo kyo, oggye omuliro ku kyoto oguteeke omwo, osseeko obubaane, okitwale mangu eri ekibiina, obatangirire: kubanga obusungu bufulumye eri Mukama: kawumpuli atanudde.
- 47** Alooni n'addirira nga Musa bwe yayogera, n'adduka n'agenda wakati mu kibiina; era, laba, kawumpuli ng'atanudde mu bantu.
- 48** N'ayimirira wakati w'abafu n'abalumu; kawumpuli n'aziyizibwa.
- 49** N'abo abaafa kawumpuli baali kakumi mu enkumi nnya mu lusuvu, obutassaako abo abaafa olw'ebigambo bya Koola.
- 50** Alooni n'addayo eri Musa ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu: kawumpuli n'aziyizibwa.

Essuula 17

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Gamba abaana ba Isiraeri, obaggyeko emiggo, buli nnyumba ya bakitaabwe gumu, ku bakulu baabwe bonna ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, emiggo kkumi n'ebiri: wandiika erinnya lya buli muntu ku muggo gwe.
- 3 Era onoowandiika erinnya lya Alooni ku muggo gwa Leevi: kubanga buli mutwe gw'ennyumba za bakitaabwe omuggo gunaaba gumu.
- 4 Era onoogitereka mu weema ey'okusisinkanirangamu mu maaso g'obujulirwa, we nsisinkanira nammwe.
- 5 Kale olunaatuuka, omuntu gwe nnaalonda omuggo gwe gunaaloka: nange naamalawo gye ndi okwemulugunya kw'abaana ba Isiraeri, kwe babeemulugunyiza.
- 6 Musa n'agamba abaana ba Isiraeri, abakulu baabwe bonna ne bamuwa emiggo, buli mukulu gumu, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, gy'emiggo kkumi n'ebiri: n'omuggo gwa Alooni gwali mu miggo gyabwe.
- 7 Musa n'atereka emiggo mu maaso ga Mukama mu weema ey'obujulirwa.
- 8 Awo olwatuuka enkya Musa n'ayingira mu weema ey'obujulirwa; era, laba, omuggo gwa Alooni ogw'omu nnyumba ya Leevi nga gumeze ne guloka ne gusansula ne gubala amaloozi amengevu.
- 9 Musa n'afulumya emiggo gyonna eri abaana ba Isiraeri bonna ng'agiggya mu maaso ga Mukama: ne balaba, ne baddira buli muntu omuggo gwe.
- 10 Mukama n'agamba Musa nti Zzaayo omuggo gwa Alooni mu manso g'obujulirwa, okukuumibwanga okuba akabonero eri abaana b'obujeemu; omalewo okwemulugunya kwabwe ku nze, baleme okufa.
- 11 Musa bwe yakola bw'aty: nga Mukama bwe yamulagira, bwe yakola.
- 12 Abaana ba Isiraeri ne bagamba Musa nti Laba, tuzikirira, tufudde, fenna tufudde.
- 13 Buli anaasemberanga, anaasemberanga ku nnyumba ya Mukama, anaafanga: fenna tulizikirira.

Essuula 18

- 1 Mukama n'agamba Alooni nti Ggwe ne batabani bo n'ennyumba ya bakitammwe wamu naawe munaabangako obutali butuukirivu bw'awatukuvu: era ggwe ne batabani bo wamu naawe munaabangako obutali butuukirivu bw'obwakabona bwammwe.
- 2 Ne baganda bo nabo, ekika kya Leevi, ekika kya kitaawo, basembeze wamu naawe, bagattibwe naawe bakuweerezanga: naye ggwe ne batabani bo wamu naawe munaabanga mu maaso g'eweema ey'obujulirwa.
- 3 Era banaakuumanga bye wateresebwa, n'ebiteresebwa eby'Eweema yonna: kyokka tebasembereranga bintu bya mu watukuvu n'ekyoto, baleme okufa, bo newakubadde mmwe.
- 4 Era baligattibwa naawe ne bakuuma eweema ey'okusisinkanirangamu nga bwe baateresebwa, olw'okuweereza kwonna okw'omu Weema: ne munnaggwanga tabasembereranga.
- 5 Era munaakuumanga awatukuvu nga bwe mwateresebwa, n'ekyoto nga bwe mwateresebwa: walemenga okuba obusungu nate ku baana ba Isiraeri.
- 6 Nange, laba, nze nziye baganda bammwe Abaleevi mu baana ba Isiraeri: bo kirabo gye muli, ekiweereddwa eri Mukama, okukolanga okuweereza okw'omu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 7 Naawe ne batabani bo wamu naawe munaakuumiranga obwakabona bwammwe buli kintu eky'ekyoto n'ebyo ebiri munda w'eggigi; era munaaweerezanga: mbawa

obwakabona okuba okuweereza kwe muweereddwa: ne munnaggwanga anaasemberanga anattibwanga.

- 8** Mukama n'agamba Alooni nti Nange, laba, nze nkuteresezza ebiweebwayo gye ndi ebisitulibwa, ebintu byonna eby'abaana ba Isiraeri ebitukuzibwa, ggwe mbiwadde olw'okufukibwako amafuta, ne batabani bo, okuba ebbanja ennaku zonna.
- 9** Bino bye binaabanga ebibyo ku bintu ebitukuvu ennyo, ebinaafikkangawo ku muliro: buli kitone kyabwe, buli kye bawaayo eky'obutta, na buli kye bawaayo olw'ekibi, na buli kye bawaayo olw'omusango, bye banansasulanga, binaabanga bitukuvu nnyo, bibyo era bya batabani bo.
- 10** Onoolyangako ng'ebintu ebitukuvu ennyo; buli musajja anaalyangako: binaabanga bitukuvu gy'oli.
- 11** Era bino bibyo: ekirabo kyabwe kye bawaayo ekisitulibwa, byonna abaana ba Isiraeri bye bawaayo ebiwuubibwawuubibwa: mbikuwadde ggwe ne batabani bo ne bawala bo wamu naawe, okuba ebbanja ennaku zonna: buli muntu omulongoofu mu nnyumba yo anaalyangako.
- 12** Amafuta gonna agasinga obulungi ne zabbibu zonna ezisinga obulungi, ne ku aano, ebibereberye ku byo bye banaawanga Mukama, ggwe mbiwadde.
- 13** Ebibala ebinaasookanga okwengera ku byonna ebiri mu nsi yaabwe, bye banaaleeteranga Mukama, binaabanga bibyo; buli muntu omulongoofu ali mu nnyumba yo anaalyangako.
- 14** Buli kintu ekinaawongebwanga mu Isiraeri kinaabanga kikyo.
- 15** Buli ekinaggulanga enda, ku byonna ebirina omubiri bye bawaayo eri Mukama, oba nga muntu oba nga nsolo, binaabanga bibyo: naye omubereberye w'omuntu tolemanga kununula, n'embereberye z'ensolo ezitali nnongoofu onoonunulanga.
- 16** N'ebyo ebinaabanga eby'okununulibwa ku byo ebyakamaze omwezi ogumu onoonunulanga, ng'Okubala kwo bwe kunaabanga, n'omuwendo ogwa sekeri ttaano, nga sekeri ey'omu watukuvu bw'eri eyo ze gera abiri.
- 17** Naye embereberye y'ente, oba embereberye y'endiga, oba embereberye y'embuzi, tonunulanga; ezo ntukuvu: onoomansiranga omusaayi gwazo ku kyoto, n'oyokya amasavu gaazo okuba ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, okuba evvumbe eddungi eri Mukama.
- 18** N'ennyama yaazo eneebanga yiyo, ng'ekifuba ekiwuubibwawuubibwa era ng'ekisambi ekya ddyo, eneebanga yiyo.
- 19** Byonna ebisitulibwa ebiweebwayo ku bintu ebitukuvu, abaana ba Isiraeri bye bawaayo eri Mukama, nkubiwadde ggwe ne batabani bo ne bawala bo wamu naawe, okuba ebbanja ennaku zonna: ye ndagaano ey'omunnoyo eteriggwaawo mu maaso ga Mukama eri ggwe n'eri ezzadde lyo awamu naawe.
- 20** Mukama n'agamba Alooni nti Toobenga na busika mu nsi yaabwe, so toobenga na mugabo gwonna mu bo: nze mugabo gwo n'obusika bwo mu baana ba Isiraeri.
- 21** Era abaana ba Leevi, laba, mbawadde ebitundu byonna eby'ekkumi eby'omu Isiraeri okuba obusika, okuba empeera y'okuweereza kwabwe kwe baweereza, kwe kuweereza okw'omu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 22** N'okuva leero abaana ba Isiraeri tebaasembererenga weema ya kuisisinkanirangamu, balemenga okubaako ekibi ne bafa.
- 23** Naye Abaleevi banaakolanga okuweereza okw'omu weema ey'okusisinkanirangamu, nabo banaabangako obutali butuukirivu bwabwe: lino linaabanga tteeka eritaliggwaawo mu mireembe gyammwe gyonna, era mu baana ba Isiraeri tebabanga na busika.
- 24** Kubanga ebitundu eby'ekkumi eby'abaana ba Isiraeri, bye bawaayo okuba ekiweebwayo ekisitulibwa eri Mukama, bye mbawadde Abaleevi okuba obusika: kyenvudde mbagamba nti Mu baana ba Isiraeri tebabanga na busika.

- 25 Mukama n'agamba Musa nti
- 26 Era nate onooyogera n'Abaleevi n'obagamba nti Bwe munaasoloozanga ku baana ba Isiraeri ebitundu eby'ekkumi bye mbawadde ku bo okuba obusika bwammwe, kale munaawangayo ku byo ekiweebwaye ekisitulibwa eri Mukama, ekitundu eky'ekkumi eky'ebitundu eby'ekkumi.
- 27 Era kye muwaayo ekisitulibwa kinaabalibwanga gye muli, ng'emmere enkalu ey'omuguuliro, era ng'ebikula mu ssogolero.
- 28 Bwe mutyo nammwe munaggyanga ku bitundu byammwe byonna eby'ekkumi abaana ba Isiraeri bye babawa, okuwaayo ekiweebwayo ekisitulibwa eri Mukama; era munaggyanga ku byo okuwa Alooni kabona ekiweebwayo ekya Mukama ekisitulibwa.
- 29 Ku birabo byammwe byonna kwe munaggyanga buli ekiweebwayo ekya Mukama ekisitulibwa, ku ebyo byonna ebisinga obulungi, kye kitundu kyabyo ekitukuzibwa kye muggya ku byo.
- 30 Kyonoova obagamba nti Bwe munaasitulanga ebisinga obulungi ku byo, kale binaabalibwanga eri Abaleevi ng'ekyengera eky'omu gguuliro, era ng'ekyengera eky'omu ssogolero.
- 31 Era munaabiriiranga mu buli kifo, mmwe n'ennyumba zammwe: kubanga y'empeera yammwe olw'okuweereza kwammwe okw'omu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 32 So temuubengako kibi olw'ebyo, bwe munaamalanga okusitula ku byo ebisinga obulungi ku byo: so temuvumisanga bintu bitukuvu by'abaana ba Isiraeri; mulemenga okufa.

Essuula 19

- 1 Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti
- 2 Lino lye tteeka ery'ekiragiro Mukama kye yalagira ng'agamba nti Gamba abaana ba Isiraeri bakuleetere ente enduusi eya lukunyu eteriiko bbala, eteriiko bulema, ete-teekebwangako kikoligo:
- 3 era munaagiwanga Eriyazaali kabona, naye anaagifulumyanga ebweru w'olusiisira, ne bagittira mu maaso ge:
- 4 awo Eriyazaali kabona anaatoolanga ku musaayi gwayo n'engalo ye, n'amansira ku musaayi gwayo okwolekera obwenyi bw'eweema ey'okusisinkanirangamu emirundi musanvu
- 5 ne bookera ente mu maaso ge; eddiba lyayo n'ennyama yaayo n'omusaayi gwayo wamu n'obusa bwayo anaabyokyanga:
- 6 kabona n'addirira omuti omwerezi n'ezobu n'olugoye olumyuufu, n'abissuula wakati ente w'eyokerwa.
- 7 Awo kabona anaayozanga engoye ze, n'anaaba omubiri gwe mu mazzi, n'alyoka ayingira mu lusiisira, kabona n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 8 N'oyo anaagyokyanga anaayozanga engoye ze mu mazzi, n'anaaba omubiri gwe mu mazzi, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 9 N'omuntu omulongoofu anaayoolanga evvu ly'ente, n'alitereka ebweru w'olusiisira mu kifo ekirongoofu, era linaakuumirwanga ekibiina ky'abaana ba Isiraeri okuba amazzi ag'okwawula: ekyo kye kiweebwayo olw'ekibi.
- 10 N'oyo anaayoolanga evvu ly'ente anaayozanga engoye ze, n'aba atali mulongoofu okutuusa akawungeezi: era linaabanga eri abaana ba Isiraeri n'eri omugenyi atuula mu bo etteeka eritaliggwaawo.
- 11 Anaakomanga ku mulambo gw'omuntu yenna anaabanga atali mulongoofu ennaku musanvu:
- 12 oyo aneerongoosanga nago ku lunaku olw'okusatu, ne ku lunaku olw'omusanvu

anaabanga mulongoofu: naye bw'anaalemanga okwerongoosa ku lunaku olw'okusatu, kale ku lunaku olw'omusanvu taabenga mulongoofu.

- 13 Buli anaakomanga ku mulambo gw'omuntu yenna afudde, n'ateerongoosa, ng'ayoonona ennyumba ya Mukama; n'obulamu obwo bunaazikirizibwanga mu Isiraeri: kubanga teyamansirwako mazzi ga kwawula, anaabanga atali mulongoofu; obutali bulongoofu bwe nga bukyali ku ye.
- 14 Lino lye tteeka omuntu bw'anaafiranga mu weema: buli anaayingiranga mu weema na buli anaabanga mu weema, anaabanga atali mulongoofu ennaku musanvu.
- 15 Na buli kintu kyasaamiridde, ekitaliiko kisaanikizo ekisibibwa ku kyo, si kirongoofu.
- 16 Na buli anaakomanga ku ttale ebweru ku muntu eyattibwa n'ekitala oba ku mulambo oba ku ggumba ly'omuntu oba ku malaalo anaabanga atali mulongoofu ennaku musanvu.
- 17 N'olw'atali mulongoofu banaatoolanga ku vvu ery'ekiweebwayo olw'ekibi ekyokebwa, ne bafukako amazzi agakulukuta mu kibya:
- 18 n'omuntu omulongoofu anaddiranga ezobu, n'aginyika mu mazzi, n'agamansira ku weema, ne ku bintu byonna, ne ku bantu abaalimu, ne ku oyo eyakoma ku ggumba oba ku oyo eyattibwa oba ku mufu oba ku malaalo:
- 19 n'omulongoofu oyo anaamansiranga ku atali mulongoofu ku lunaku olw'okusatu ne ku lunaku olw'omusanvu: ne ku lunaku olw'omusanvu anaamulongoosanga; awo anaayozanga engoye ze, n'anaaba mu mazzi, n'aba mulongoofu akawungeezi.
- 20 Naye omuntu anaabanga atali mulongoofu n'ateerongoosa, obulamu obwo bunaazikirizibwanga wakati mu kibiina, kubanga ayoononye awatukuvu wa Mukama: amazzi ag'okwawula tegamansiddwa ku ye; si mulongoofu.
- 21 Era linaabanga tteeka gye bali eritaliggwaawo: n'oyo anaamansiranga amazzi ag'okwawula anaayozanga engoye ze; n'oyo anaakomanga ku mazzi ag'okwawula anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.
- 22 Na buli kintu atali mulongoofu ky'anaakomangako kinaabanga ekitali kirongoofu: n'obulamu obunaakikomangako bunaabanga obutali bulongoofu.

Essuula 20

- 1 Awo abaana ba Isiraeri, ekibiina kyonna, ne batuuka mu ddungu lya Zini mu mwezi ogw'olubereberye: abantu ne batuula mu Kadesi; Miryamu n'afiira eyo n'aziikibwa eyo.
- 2 Ne wataba mazzi ga kibiina: ne beekuaanyiza ku Musa ne ku Alooni.
- 3 Abantu ne bawakana ne Musa ne boogera nti Singa twafa baganda baffe bwe baafiira mu maaso ga Mukama!
- 4 Era mw'aleetera ki ekibiina kya Mukama mu ddungu muno, tufiire omwo, ffe n'ebisibo byaffe?
- 5 Era mwatuggira ki mu Misiri okutulinyisa okutuyingiza mu kifo kino ekibi? si kifo kya nsigo, so si kya ttiini, so si kya mizabbibu, so si kya mikomamawanga; so tewali mazzi ga kunywa.
- 6 Musa ne Alooni ne bava mu maaso g'ekibiina ne bagenda ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, ne bavunama amaaso gaabwe: ekitiibwa kya Mukama ne kibalabikira.
- 7 Mukama n'agamba Musa nti
- 8 Ddira omuggo ogwo, okuaanye ekibiina, ggwe ne Alooni muganda wo, mugambire olwazi mu maaso gaabwe, luleete amazzi gaalwo; onobaggira amazzi mu lwazi: bw'otyo bw'onoonywesa ekibiina n'ebisibo byabwe.
- 9 Musa n'addirira omuggo ng'aguggya mu maaso ga Mukama, nga bwe yamulagira.

- 10 Musa ne Alooni ne bakuaanyiza ekibiina mu maaso g'olwazi, n'abagamba nti Muwulire nno, mmwe abajeemu; ffe tunaabaggira amazzi mu lwazi muno?
- 11 Musa n'ayimusa omukono gwe, n'akuba olwazi n'omuggo gwe emirundi ebiri: amazzi mangi ne gavaamu, ekibiina ne banywa n'ebisibo byabwe.
- 12 Mukama n'agamba Musa ne Alooni nti Kubanga temunzikirizza, okuntukuza mu maaso g'abaana ba Isiraeri, kyemuliva mulema okuyingiza ekibiina kino mu nsi gye mbawadde.
- 13 Ago ge mazzi ag'e Meriba; kubanga abaana ba Isiraeri baawakana ne Mukama, n'atukuzibwa mu bo.
- 14 Musa n'atuma ababaka ng'ayima e Kadesi eri Kabaka w'e Edomu, nti Bw'atyo bw'ayogera Isiraeri muganda wo, nti Omanyi ennaku zonna ezaatubaako:
- 15 bakitaffe bwe baaserengeta mu Misiri, ne tumala mu Misiri ebiro bingi Abamisiri ne batukola bubu ne bakitaffe:
- 16 awo bwe twakaabira Mukama, n'awulira eddoboosi lyaffe, n'atuma malayika, n'atugya mu Misiri: era, laba, tuli mu Kadesi; ekibuga ekiri ku nsalo yo enkomerero:
- 17 ka tuyite, nkwegayiridde, mu nsi yo: tetuliyita mu nnimiro newakubadde mu lusuku lw'emizabbibu, so tetulinywa ku mazzi ag'omu nzizi: tunaatambuliranga mu luguudo lwa kabaka, tetulikyamira ku mukono ogwa ddyo, newakubadde ogwa kkono, okutuusa lwe tuliyita ku nsalo yo.
- 18 Edomu n'amugamba nti Toliyita mu nze, nneme okukutabaala n'ekitala.
- 19 Abaana ba Isiraeri ne bamugamba nti Tulirinnyira mu luguudo: bwe tunaanywanga ku mazzi go, nze n'ebisibo byange, kale n'awanga omuwendo gwago: ka mpitemu buyisi n'ebigere.
- 20 N'agamba nti Toliyitamumu. Edomu n'amutabaala n'eggye lingi, n'omukono ogw'amaanyi.
- 21 Bw'atyo Edomu n'agaana okuyisa Isiraeri mu nsalo ye Isiraeri kyeyava akyuka okuva gy'ali.
- 22 Ne basitula e Kadesi ne batambula: abaana ba Isiraeri, ekibiina kyonna, ne batuuka ku lusozi Koola.
- 23 Mukama n'agambira Musa ne Alooni ku lusozi Koola, ku nsalo y'ensi ya Edomu, ng'ayogera
- 24 nti Alooni anaakuaanyizibwa eri abantu be: kubanga taliyingira mu nsi gye mpadde abaana ba Isiraeri, kubanga mwajeemera ekigambo kyange ku mazzi ag'e Meriba.
- 25 Twala Alooni ne Eriyazaali mutabaai we, obalinyise ku lusozi Koola:
- 26 Alooni omwambuleko ebyambalo bye, obimwambaze Eriyazaali mutabani we: kale Alooni anaakuaanyizibwa eri abantu be, era aaaafira eyo.
- 27 Musa n'akola nga Mukama bwe yalagira: ne balinnya ku lusozi Koola mu maaso g'ekibiina kyonna.
- 28 Musa n'ayambula Alooni ebyambalo bye, n'abyambaza Eriyazaali mutabani we; Alooni n'afira eyo ku ntikko y'olusozi: Musa ne Eriyazaali ne baserengeta ne bava ku lusozi.
- 29 Awo ekibiina kyonna bwe baalaba nga Alooni afudde, ne bamala ennaku asatu nga bakaabira Alooni, ennyumba ya Isiraeri yonna.

Essuula 21

- 1 N'Omukanani, kabaka w'e Yaladi, eyatuulanga mu bukiika obwa ddyo, n'awulira nga Isiraeri ajja mu kkubo lya Asalimu; n'alwana ne Isiraeri n'awamba abamu ku bo.
- 2 Isiraeri ne yeeyama obweyamo eri Mukama, n'agamba nti Bw'onoogabulira ddala abantu bano mu mukono gwange, ndizikiririza ddala ebibuga byabwe.

- 3 Mukama n'awulira eddoboosi lya Isiraeri, n'agabula Abakanani; ne babazikiririza ddala bo n'ebibuga byabwe: ekifo ne kituumibwa erinnya lyakyo Koluma.
- 4 Ne basitula okuva ku lusozi Koola ne bagenda mu kkubo ery'Ennyanja Emmyufu, okwetooloola ensi ya Edomu: obulamu bw'abantu ne bukeentererwa nnyo olw'olugendo.
- 5 Abantu ne boogera bubi ku Katonda ne ku Musa, nti Mwatuggira ki mu Misiri okutulinnyisa okufira mu ddungu? kubanga tewali kyakulya, so tewali mazzi; n'obulamu bwaffe butamiddwa ekyokulya kino ekyangu.
- 6 Mukama n'asindikira abantu emisota egy'omuliro, ne giruma abantu; abantu bangi ne bafa ku Isiraeri.
- 7 Abantu ne bajja eri Musa ne bagamba nti Twonoonye kubanga twayogera obubi ku Mukama ne ku ggwe; saba Mukama atuggyeko emisota. Musa n'asabira abantu.
- 8 Mukama n'agamba Musa nti Weekolere omusota ogw'omuliro, oguteeke ku mulongooti: awo olunaatuuka, buli alumiddwa bw'anaagulaba, anaaba mulamu.
- 9 Musa n'akola omusota ogw'ekikomo, n'aguteeka ku mulongooti: awo olwatuuka amusota bwe gwabanga gulumye omuntu yenna, bwe yatunuulira omusota ogw'ekikomo, n'aba mulamu.
- 10 Abaana ba Isiraeri ne batambula ne basiisira mu Obosi.
- 11 Ne basitula e Obosi ne batambula ne basiisira mu Iyeabalimu, mu ddungu eryolekera Mowaabu, ku luuyi olw'ebuvanjuba.
- 12 Ne bavaayo, ne batambula, ne basiisira mu kiwonvu kya Zeredi.
- 13 Ne bavaayo ne batambula ne basiisira emitala wa Alunoni, oguli mu ddungu, ogusibuka mu nsalo y'Abamooli: kubanga Alunoni ye nsalo ya Mowaabu, wakati wa Mowaabu n'Abamooli.
- 14 Kyekyava kyogerwa mu kitabo eky'Entalo za Mukama nti Vakebu mu Sufa N'ebiwonvu bya Alunoni,
- 15 N'ebikko eby'ebiwonvu Ebiserengetera eri ennyumba za Ali, Era ebyesigama ku nsalo ya Mowaabu.
- 16 Ne bavaayo ne batambula ne bagenda e Beeri: olwo lwe luzzi Mukama lwe yabuulirako Musa nti Kuaanya abantu, nange nnaabawa amazzi.
- 17 Isiraeri n'alyoka ayimba oluyimba luno: Weesere, ggwe oluzzi; muluyimbire;
- 18 Oluzzi abakulu lwe baasima, Abakungu b'abantu lwe baayerula, N'omuggo ogw'obwakabaka, n'emiggo gyabwe. Ne bava mu ddungu ne batambula ne bagenda e Matana:
- 19 ne basitula e Matana ne bagenda e Nakalieri: ne basitula e Nakalieri ne bagenda e Bamosi:
- 20 ne basitula e Bamosi ne bagenda mu kiwonvu ekiri ku ttale lya Mowaabu, ku ntikko ya Pisuga, kw'oyima okulengera eddungu.
- 21 Isiraeri n'atuma ababaka eri Sikoni kabaka w'Abamoli ng'ayogera nti
- 22 Ka mpite mu nsi yo: tetulikyamira mu nnimiro newakubadde mu lusuku lw'emizabibibu; tetulinywa ku mazzi ga nzizi: tulitambulira mu luguudo lwa kabaka, okutuusa lwe tuliyita mu nsalo yo.
- 23 Sikoni n'ataganya Isiraeri kuyita mu nsalo ye naye Sikoni n'akuaanya abantu be bonna, n'atabaala Isiraeri mu ddungu, n'atuuka e Yakazi: n'alwana ne Isiraeri.
- 24 Isiraeri n'amukuba n'obwogi bw'ekitala, n'alya ensi ye okuva ku Alunoni okutuuka ku Yaboki, okutuuka ku baana ba Amotu: kubanga ensalo ey'abaana ba Amoni yali ya maanyi.
- 25 Isiraeri n'alya ebibuga ebyo byonna: Isiraeri n'atuula mu bibuga byonna eby'Abamoli, mu Kesuboni ne mu bibuga byakyo byonna.
- 26 Kubanga Kesuboni kyali kibuga kya Sikoni kabaka w'Abamoli, eyalwana ne kabaka

- wa Mowaabu eyasooka, n'aggya mu mukono gwe ensi yonna, okutuuka ku Alunoni.
- 27 Aboogerera mu ngero kyebaava boogera nti Mujje e Kesuboni, Ekibuga kya Sikono kizimbibwe kinywezebwe:
 - 28 Kubanga omuliro gufulumye mu Kesuboni, Ennimi z'omuliro mu kibuga kya Sikoni: Gwokezza Ali ekya Mowaabu, Abakungu ab'ebifo ebigulumivu ebya Alunoni.
 - 29 Zikusanze, Mowaabu! Mufudde, mmwe abantu ba Kemosi : Agabudde batabani be okuba abadduse, Ne bawala be okuba abasibe, Eri Sikoni kabaka w'Abamoli.
 - 30 Twabasimbako; Kesuboni kyazikirira okutuuka ku Diboni, Era twazisa okutuuka ku Nofa, Ekituuka ku Medeba.
 - 31 Isiraeri n'atuula bw'atyo mu nsi y'Abamoli.
 - 32 Musa n'atuma okuketta Yazeri, ne balya ebibuga byayo, ne bagobamu Abamoli abaali eyo.
 - 33 Ne bakyuka ne bambukira mu kkubo ly'e Basani: Ogi kabaka We Basani n'abatabaala, ye n'abantu be bonna okulwanira nabo e Derei.
 - 34 Mukama n'agamba Musa nti Tomutya: kubanga mmugabudde mu mukono gwo, n'abantu be bonna, n'ensi ye; era olimukola nga bwe wakola Sikoni kabaka w'Abamoli, eyatuulanga e Kesuboni.
 - 35 Awo ne bamutta ne batabani be, n'abantu be bonna, ne watamusigalirawo n'omu: ne balya ensi ye.

Essuula 22

- 1 Abaana ba Isiraeri ne batambula ne basiisira mu nsenyi za Mowaabu emitala wa Yoludaani e Yeriko.
- 2 Awo Balaki mutabani wa Zipoli n'alaba byonna Isiraeri bye yali akoze Abamoli.
- 3 Mowaabu n'atya nnyo abantu, kubanga bangi: Mowaabu n'akeentererwa olw'abaana ba Isiraeri.
- 4 Mowaabu n'agamba abakadde ba Midiyaani nti Kaakano ekibiina kino kigenda kukombera ddala byonna ebitwetoolodde, ng'ente bw'ekomba omuddo ogw'oku ttale. Era Balaki mutabani wa Zipoli ye yali kabaka wa Mowaabu mu biro ebyo.
- 5 N'atuma ababaka eri Balamu mutabani wa Byoli, e Pesoli, ekiri ku lubalama lw'Omugga, mu nsi y'abaana b'abantu be, okumuyita ng'ayogera nti Laba, waliwo abantu abaava mu Misiri: laba, basaanikidde ku maaso g'ensi, era batudde okunjolek- era:
- 6 kale nno jjangu, nkwegayiridde, onkolimirire abantu bano: kubanga bannyinze amaanyi: mpozzi ndiwangula, tubatte, mbagobe mu nsi: kubanga mmanyi nga gw'osabira ggwe omukisa aweebwa omukisa, ne gw'okolimira akolimirwa.
- 7 Abakadde ba Mowaabu n'abakadde ba Midiyaani ne bagenda nga balina omukemba mu ngalo zaabwe; ne bajja eri Balamu, ne bamubuulira ebigambo bya Balaki.
- 8 N'abagamba nti Musule wano ekiro kino, nange ndibaddiza ebigambo nga Mukama bw'anaamba: abakulu ba Mowaabu ne babeera ewa Balamu.
- 9 Katonda n'ajja eri Balamu n'agamba nti Bantu ki bano abali naawe?
- 10 Balamu n'agamba Katonda nti Balaki mutabani wa Zipoli kabaka wa Mowaabu, yantumira ng'ayogera nti
- 11 Laba, abantu abaava mu Misiri basaanikidde ku maaso g'ensi: Jjangu nno, obankolimirire; mpozzi ndiyinza okulwana nabo, ne mbagoba.
- 12 Katonda n'agamba Balamu nti Togenda nabo; tokolimira bantu abo: kubanga baweereddwa omukisa.
- 13 Balamu n'agolokoka enkya, n'agamba abakulu ba Balaki nti Mwegendere mu nsi yammwe: kubanga Mukama agaanyi okundagira okugenda nammwe.

- 14 Abakulu ba Mowaabu ne bagolokoka, ne baddayo eri Balaki, ne bagamba nti Balamu agaanyi okujja naffe.
- 15 Balaki ne yeeyongera nate okutuma abakulu, abaasinga abo obungi era abaabasinga n'ekitiibwa.
- 16 Ne bajja eri Balamu ne bamugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Balaki mutabani wa Zipoli nti Waleme okubaawo ekintu, nkwegayiridde, ekinaakuziyiza okujja gye ndi:
- 17 kubanga ndikukuza n'obeera n'ekitiibwa kinene nnyo, na buli ky'oliamba ndikikola: kale jjangu, nkwegayiridde, onkolimirire abantu bano.
- 18 Balamu n'addamu n'agamba abaddu ba Balaki nti Balaki bw'alimpa ennyumba ye ng'ejjudde effeeza ne zaabu, siyinja kuyita ku kigambo kya Mukama Katonda wange, okukendeezaako oba okusukkiriza.
- 19 Kale nno, mbeegayiridde nammwe musule wano ekiro kino, ndyoke mmanyee Mukama ky'aneeyongera okumbuulira.
- 20 Katonda n'ajja eri Balamu ekiro, n'amugamba nti Abantu abo oba nga bazze okukuyita, golokoka ogende nabo; naye ekigambo kyokka kye nkubuulira ky'oba okola.
- 21 Balamu n'agolokoka enkya n'ateeka amatandiiko ku ndogoyi ye, n'agenda n'abakulu ba Mowaabu.
- 22 Obusungu bwa Katonda ne bubuubuuka kubanga yagenda: malayika wa Mukama n'ayimirira mu kkubo okumuziyiza. Era yali yeebagadde ku ndogoyi ye, n'abaddu be bombi baali naye.
- 23 Endogoyi n'eraba malayika wa Mukama ng'ayimiridde mu kkubo, ekitala kye nga kisowoddwa nga kiri mu ngalo ze: endogoyi n'ekyama okuva mu kkubo, n'agenda ku nsiko: Balamu n'akuba endogoyi okugizza mu kkubo.
- 24 Malayika wa Mukama n'alyoka ayimirira mu kkubo ery'omu kiwonvu eriri wakati w'ensuku z'emizabbibu olukomera nga luli ku luuyi, n'olukomera ku luuyi.
- 25 Endogoyi n'eraba malayika wa Mukama, ne yeenyigiriza ku lukomera, n'ebetenta ekigere kya Balamu ku lukomera: n'agikuba nate.
- 26 Malayika wa Mukama ne yeeyongera okusembera eyo, n'ayimirira mu kkubo ery'akanyigo, awataali bbanga lya kukyukira ku mukono ogwa ddyo newakubadde ogwa kkono.
- 27 Endogoyi n'eraba malayika wa Mukama, n'egalamira wansi wa Balamu: obusungu bwa Balamu ne bubuubuuka, n'akuba endogoyi n'omuggo gwe.
- 28 Mukama n'ayasamya akamwa k'endogoyi, n'egamba Balamu nti Nkukoze ki ggwe okunkuba emirundi gino gyonsatule?
- 29 Balamu n'agamba endogoyi nti Kubanga onduulidde: singa mbadde n'ekitala mu ngalo zange, kaakano nandikusse.
- 30 Endogoyi n'egamba Balamu nti Siri ndogoyi yo, gye weebagalako obulam bwo bwonna okutuusa leero? nali mpisizza okukukola bwe ntyo? N'agamba nti Nedda.
- 31 Awo Mukama n'alyoka azibula amaaso ga Balamu, n'alaba malayika wa Mukama ng'ayimiridde mu kkubo, ekitala kye nga kisowoddwa nga kiri mu ngalo ze: n'akutama omutwe gwe, n'avuunama amaaso ge.
- 32 Malayika wa Mukama n'amugamba nti Okubidde ki endogoyi yo emirundi gino gyonsatule? laba, nfulumye okukuziyiza, kubanga okutambula kwo kukakanyavu mu maaso gange.
- 33 Endogoyi n'endaba n'ekyuka mu maaso gange emirundi gino gyonsatule: singa tekyuse mu maaso gange, kaakano sandiremye kukutta ggwe, nayo ne ngiwonya okufa.
- 34 Balamu n'agamba malayika wa Mukama nti Nnyonoonye; kubanga saamanye ng'oyimiridde mu kkubo okunziyiza: kale kaakano, oba nga kikunyiiza, naddayo nate.

- 35 Malayika wa Mukama n'agamba Balamu nti Genda n'abantu abo: naye ekigambo kyokka kye nnaakubuulira ky'oba oyogera. Awo Balamu n'agenda n'abakulu ba Balaki.
- 36 Awo Balaki bwe yawulira nga Balamu azze, n'afuluma okumusisinkana mu Kibuga kya Mowaabu, ekiri ku nsalo ya Alunoni, oguli ku nkomerero y'ensalo.
- 37 Balaki n'agamba Balamu nti Saakutumira okukuyita ne nkutayirira? ekyakulobera okujja gye ndi ki? siyinja ddala kukukuza n'obeera n'ekitiibwa?
- 38 Balamu n'agamba Balaki nti Laba, nzize gy'oli: kaakano nnina obuyinza bwonna okwogera ekigambo kyonna? ekigambo Katonda ky'anaateeka mu kamwa kange, ekyo kye nnaayogera.
- 39 Balamu n'agenda ne Balaki, ne bajja e Kiriasikuzosi.
- 40 Balaki n'awaayo ente n'endiga, n'atumiza Balamu n'abakulu abaali naye.
- 41 Awo olwatuuka enkya, Balaki n'atwala Balamu, n'amulinnyisa ku bifo ebikulumivu ebya Baali, n'ayima eyo okulengera enkomerero y'abantu.

Essuula 23

- 1 Balamu n'agamba Balaki nti Nzimbira wano ebyoto musanvu, ontegekere wano ente musanvu n'endiga ennume musanvu.
- 2 Balaki n'akola nga Balamu bwe yayogera; Balaki ne Balamu ne baweerayo ku buli kyoto ente n'endiga ennume.
- 3 Balamu n'agamba Balaki nti Yimirira awali ekyokebwa kw'owaayo nange naagenda; mpozzi Mukama anajja okusisinkana nange: era buli ky'anandaga naakikubuulira. N'agenda ku lusozi aweeru.
- 4 Katonda n'asisinkana ne Balamu: n'amugamba nti Ntegesa ebyoto omusanvu, era mpeereddeyo ente n'endiga ennume ku buli kyoto.
- 5 Mukama n'ateeka ekigambo mu kamwa ka Balamu, n'agamba nti Ddayo eri Balaki, era bw'otyo bw'onooyogera.
- 6 N'addayo eri ye, era yali ayimiridde awali ekyokebwa kye yawaayo, ye n'abakulu bonna aba Mowaabu.
- 7 N'agera olugero lwe, n'ayogera nti Balaki yanziya mu Alamu, Kabaka wa Mowaabu yanziya mu nsozi ez'Ebuwanjuba: Jjangu okolimirire Yakobo, Era jjangu osoomoze Isiraeri.
- 8 Naakolimira ntya oyo Katonda gw'atakolimiranga? Naasoomoza ntya oyo Katonda gw'atasoomozanga?
- 9 Kubanga nnyima ku ntikko y'amayinja okumulaba, Ne ku nsozi okumulengera: Laba, be bantu ababeera bokka, So tebalibalibwa mu mawanga.
- 10 Ani ayinza Okubala enfuufu ya Yakobo, Oba Okubala ekitundu eky'okuna ekya Isiraeri? Nfe ng'omutuukirivu bw'afa, N'enkomerero yange ey'oluvannyuma ebe ng'eyiye!
- 11 Balaki n'agamba Balamu nti Onkoze ki? Nkututte okukolimira abalabe bange, era, laba, obasabiridde ddala omukisa.
- 12 N'addamu n'agamba nti Tekiwanira kwekuuma kwogera ekyo Mukama kyateeka kamwa kange?
- 13 Balaki n'amugamba nti Jjangu nange, nkwegayiridde, mu kifo ekirala, w'oyinza okuyima okubalengera; onoolaba ekitundu kyabwe eky'enkomerero kyokka, n'otolaba bonna: n'oyima awo okubakolimira.
- 14 N'amutwala mu ttale lya Zofimu, ku ntikko ya Pisuga, n'azimba ebyoto musanvu, n'aweerayo ente n'endiga ennune ku buli Kyoto.
- 15 N'agamba Balaki nti Yimirira wano awali ekyokebwa ky'owaayo, nze nga bwe

nnaasisinkana ne Mukama eyo.

- 16 Mukama n'asisinkana ne Balamu, n'ateeka ekigambo mu kamwa ke, n'agamba nti Ddayo eri Balaki, era bw'onooyogera bw'otyo.
- 17 N'ajja gy'ali, era, laba, yali ayimiridde awali ekyokebwa kye yawaayo, n'abakulu ba Mowaabu wamu naye. Balaki n'amugamba nti Mukama ayogedde ki?
- 18 N'agera olugero lwe n'ayogera nti Golokoka, Balaki, owulire; Ntegera okutu, ggwe mutabani wa Zipoli:
- 19 Katonda si muntu, okulimba; So si mwana wa muntu, okwejjusa: Ayogedde, n'okukola talikikola? Oba agambye, n'okutuusa talikituusa?
- 20 Laba, ndagiddwa okuwa omukisa: Naye awadde omukisa, nange siyinza kugujjulula.
- 21 Talabye butali butuukirivu ku Yakobo, So talabye bubambaavu ku Isiraeri: Mukama Katonda we ali naye, N'okwogerera waggulu okwa kabaka kuli mu bo.
- 22 Katonda abaggya mu Misiri; Alina amaanyi ng'ag'embogo.
- 23 Mazima tewali ddogo awali Yakobo, So tewali bulaguzi awali Isiraeri: Kaakano kinaayogerwanga ku Yakobo ne ku Isiraeri, Nti Katonda ng'akoze!
- 24 Laba, abantu bagolokoka ng'empologoma enkazi, Era beeyimusa ng'empologoma ennume: Taagalamire okutuusa lw'anaalya ku muyiggo, N'anywa omusaayi gw'abo abattiddwa.
- 25 Awo Balaki n'agamba Balamu nti Tobakolimiranga n'akatono, so n'omukisa tobasabiranga mukisa n'akatono.
- 26 Naye Balamu n'addamu n'agamba Balaki nti Saakubuulira nti Byonna Mukama by'ayogera, ebyo kiwanira okubikola?
- 27 Balaki n'agamba Balamu nti Jjangu nno, naakutwala awalala; mpozzi Katonda anaasiima ggwe okuyima eyo okubankolimirira.
- 28 Awo Balaki n'alinyisa Balamu ku ntikko ya Peoli, kw'oyima okulengera eddungu.
- 29 Balamu n'agamba Balaki nti Nzimbira wano ebyoto musanvu, ontegekere wano ente musanvu n'endiga ennume musanvu.
- 30 Balaki n'akola nga Balamu bwe yayogera, n'aweerayo ku buli kyoto ente n'endiga ennume.

Essuula 24

- 1 Awo Balamu bwe yalaba nga Mukama asiimye okuwa Isiraeri omukisa, n'atagenda, ng'olulala, okunoonya eddogo, naye n'ayolekeza amaaso ge olukoola.
- 2 Balamu n'ayimusa amaaso ge, n'alaba Isiraeri nga batudde ng'ebika byabwe bwe byali; omwoyo gwa Katonda ne gumujjako.
- 3 N'agera olugero lwe, n'ayogera nti Balamu, mutabani wa Byoli, ayogera, Era omusajja eyazibwa amaaso ayogera:
- 4 Ayogera oyo awulira ebigambo bya Katonda, Alaba okwolesebwa kw'Omuyinza w'ebintu byonna, Ng'agwa wansi, n'amaaso ge nga gatunula:
- 5 Nti Eweema zo nga nnungi, ggwe Yakobo, Ennyumba zo, ggwe Isiraeri!
- 6 Zeeyaliiridde ng'ebiwonvu, Ng'ensuku eziri ku lubalama lw'omugga, Ng'emititi egy'omugavu Mukama gye yasimba, Ng'emititi emyerezi egiri ku lubalama lw'amazzi.
- 7 Amazzi ganaakulukutanga okuva mu nsuwa ze. N'ensigo ze zinaabanga awali amazzi amangi, Ne kabaka we anaasinganga Agagi obugulumivu, N'obwakabaka bwe bunaagulumizibwanga.
- 8 Katonda amuggya mu Misiri; Alina amaanyi ng'ag'embogo. Aliriira ddala amawanga abalabe be, Era alimenyamenya amagumba gaabwe, N'abakuba okubafumita n'obusaale bwe.
- 9 Yabwama, yagalamira ng'empologoma ennume, Era ng'empologoma enkazi; ani

anaamusaggula? Aweebwenga omukisa buli anaakusabiranga omukisa, Era akolimirwenga buli anaakukolimiranga.

- 10 Awo obusungu bwa Balaki ne bubuubuukira Balamu, n'akuba mu ngalo: Balaki n'agamba Balamu nti Nakuyita okukolimira abalabe bange, era, laba, obasabiridde ddala omukisa emirundi gino gyonsatule.
- 11 Kale nno dduka oddeyo ewuwo: mbadde njagala okukukuza obeere n'ekitiibwa kingi nnyo; naye, laba, Mukama akuziyizizza okuba n'ekitiibwa.
- 12 Balamu n'agamba Balaki nti Era saagamba n'ababaka bo be wantumira
- 13 nti Balaki bw'alyagala okumpa ennyumba ye ng'ejjudde effeeza n'ezaabu, siyinda kuyita ku kigambo kya Mukama, okukola ebirungi newakubadde ebibi, nga nnyima mu magezi gange nze; Mukama ky'anaayogera nange kye nnaayogera?
- 14 Era kaakano, laba, enda eri abantu bange: jjangu nkutegeeze abantu bano bye balikola abantu bo mu nnaku ez'oluvannyuma.
- 15 N'agera olugero lwe, n'ayogera nti Balamu mutabani wa Byoli ayogera, Era omusajja eyazibwa amaaso ayogera:
- 16 Oyo ayogera awulira ebigambo bya Katonda. Era amanyi okumanya kw'oyo ali waggulu ennyo, Alaba okwolesebwa kw'Omuyinza w'ebintu byonna, Ng'agwa wansi, n'amaaso ge nga gatunula:
- 17 Nti Mmulaba, naye si kaakano: Mmutunuulira, naye tandi kumpi: Muliva emmunyeenye mu Yakobo, N'omuggo ogw'obwakabaka guliyimuka mu Isiraeri, Gulikubira ddala ensonda za Mowaabu, Gulimenyera ddala abaana bonna ab'oluyoogaano.
- 18 Kale Edomu aliba butaka, Era ne Seyiri aliba butaka, abaali abalabe be; Isiraeri ng'akola eby'obuzira.
- 19 Era muliva mu Yakobo omu aliba n'okufuga, Alizikiriza abalifikkawo mu kibuga.
- 20 N'atunuulira Amaleki, n'agera olugero lwe n'ayogera nti Amaleki yali wa lubereberye mu mawanga; Naye enkomerero ye ey'oluvannyuma erituuka mu kuzikirira.
- 21 N'atunuulira Omukeeni, n'agera olugero lwe n'ayogera nti Ekifo kyo eky'okutuulamu kya maanyi, N'ekisu kyo kyatekebwa ku lwazi.
- 22 Naye Kayini alinyagibwa, Okutuusa Asuli lw'alikutwala mu busibe.
- 23 N'agera olugero lwe, n'ayogera nti Zitusanze, ani aliba omulamu Katonda bw'alikola kino?
- 24 Naye ebyombo biriva ku ttale ly'e Kittimu, Biribonereza Asuli, biribonereza ne Eberi, Era naye alituuka mu kuzikirira.
- 25 Balamu n'agolokoka, n'agenda n'addayo mu kifo kye: ne Balaki n'addayo.

Essuula 25

- 1 Isiraeri n'abeera e Sitimu, abantu ne batanula okwenda ku bawala ba Mowaabu:
- 2 kubanga baayitanga abantu okujja ku ssaddaaka za bakatonda baabwe; abantu ne balya ne bavunamira bakatonda baabwe.
- 3 Isiraeri ne yeegatta ne Baalipyoli: obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku Isiraeri.
- 4 Mukama n'agamba Musa nti Twala abakulu b'abantu bonna, obawanikire Mukama mu maaso g'enjuba ekiruyi kya Mukama kikyuke kive ku Isiraeri.
- 5 Musa n'agamba abalamuzi ba Isiraeri nti Mutte buli muntu abasajja be abeegasse ne Baalipyoli.
- 6 Era, laba, omu ku baana ba Isiraeri n'ajja n'aleetera baganda be omukazi Omumidiyaani mu maaso ga Musa ne mu maaso g'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, bwe baali nga bakaabira amaziga ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 7 Awo Finekaasi mutabani wa Eriyazaali mutabani wa Aloon kabona bwe yakiraba, n'agolokoka wakati mu kibiina, n'addirira effumu mu mukono gwe;

- 8 n'agoberera omusajja Omuisiraeri mu kayumba, n'abafumitira ddala bombi, omusajja Omuisiraeri n'omukazi mu lubuto lwe. Awo kawumpuli n'aziyizibwa bw'atyo ku baana ba Isiraeri.
- 9 N'abo abaafa kawumpuli baali obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 10 Mukama n'agamba Musa nti
- 11 Finekaasi mutabani wa Eriyazaali mutabani wa Alooai kabona akyusizza obusungu bwange okuva ku baana ba Isiraeri, kubanga akwatiddwa obuggya bwange mu bo, n'okuzikiriza ne sizikiriza baana ba Isiraeri mu buggya bwange.
- 12 Kyonoova ogamba nti Laba, mmuwa endagaano yange ey'emirembe:
- 13 era eneebanga gy'ali, n'eri ezzadde lye erinaamuddiriranga, endagaano ey'obwak-abona obutaliggwaawo; kubanga yakwatibwa obuggya olwa Katonda we, n'atangirira abaana ba Isiraeri.
- 14 Era omusajja Omuisiraeri eyattibwa, eyattirwa awamu n'omukazi Omumidiyaani, erinnya lye Zimuli, mutabani wa Salu, omukulu w'ennyumba ya bakitaabwe mu Basimyoni.
- 15 N'omukazi Omumidiyaani eyattibwa, erinnya lye Kozebi muwala wa Zuuli; oyo yali mutwe gw'abantu ab'omu nnyumba ya bakitaabwe mu Midiyaani.
- 16 Mukama n'agamba Musa nti
- 17 Beeraliikirize Abamidiyaani obatte:
- 18 kubanga babeeraliikiriza n'enkwe zaabwe, ze baasala ne babasendasenda mu bigambo bya Pyoli ne mu bigambo bya Kozebi, muwala w'omukulu wa Midiyaani, mwannyinaabwe, eyattibwa ku lunaku olwa kawumpuli olw'ebigambo bya Pyoli.

Essuula 26

- 1 Awo olwatuuka kawumpuli ng'awedde, Mukama n'agamba Musa ne Eriyazaali mutabani wa Alooai kabona nti
- 2 Bala omuwendo gw'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, bonna abayinza okutabaala mu Isiraeri.
- 3 Musa ne Eriyazaali kabona ne babagambira mu nsenyi za Mowaabu ku Yoludaani e Yeriko nti
- 4 Mubale omuwendo gw'abantu, abaakamaze emyaka abiri n'okukirawo; nga Mukama bwe yalagira Musa n'abaana ba Isiraeri, abaava mu nsi y'e Misiri.
- 5 Lewubeeni omubereberye wa Isiraeri: batabani ba Lewubeeai; okuva ku Kanoki, enda ey'Abakanoki: okuva ku Palu, enda eya Abapalu:
- 6 okuva ku Kezulooni, enda eya Bakezulooni: okuva ku Kalumi, enda eya Bakalumi.
- 7 Ezo ze nda eza Balewubeeni: n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi buna mu enkumi ssatu mu lusanku mu asatu.
- 8 Ne batabani ba Palu; Eriyaabu.
- 9 Ne batabani ba Eriyaabu; Nemweri ne Dasani ne Abiraamu. Abo be Dasani ne Abiraamu abo, abaalondebwa ekibiina, abaawakana ne Musa ne Alooai mu kibiina kya Koola, bwe baawakana ne Mukama:
- 10 ensi n'eyasama akamwa kaayo, n'ebamira wamu ne Koola, ekibiina ekyo bwe kyafa; mu biro ebyo omuliro bwe gwayokya abasajja ebikumi bibiri mu ataano, ne bafuuka kabonero.
- 11 Naye batabani ba Koola tebaafa.
- 12 Batabani ba Simyoni ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Nemweri, enda eya Banemweri: okuva ku Yamini, enda eya Bayamini: okuva ku Yakini, enda eya Bayakini:

- 13** okuva ku Zeera, enda eya Bazeera: okuva ku Sawuli, enda eya Basawuli.
- 14** Ezo ze nda eza Basimyoni, obukumi bubiri mu enkumi bbiri mu bibiri.
- 15** Batabani ba Gaadi ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Zefoni, enda eya Bazefoni: okuva ku Kagi, enda eya Bakagi: okuva ku Suni, enda eya Basuni:
- 16** okuva ku Ozeni, enda eya Baozeni: okuva ku Eri, enda eya Baeri:
- 17** okuva ku Alodi, enda eya Baalodi: okuva ku Aleri, enda eya Baaleri:
- 18** ezo ze nda eza batabani ba Gaadi ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, obukumi buna mu bitaano.
- 19** Batabani ba Yuda, Eri ne Onani: Eri ne Onani ne bafira mu nsi ya Kanani.
- 20** Ne batabani ba Yuda ng'enda zaabwe bwe zaali bano; okuva ku Seera, enda eya Baseera: okuva ku Preezi, enda eya Bapreezi: okuva ku Zeera, enda eya Bazeera.
- 21** Ne batabani ba Preezi bano; okuva ku Kezulooni, enda eya Bakezulooni okuva ku Kamuli, enda eya Bakamuli.
- 22** Ezo ze nda za Yuda ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, obukumi musanvu mu kakaaga mu bitaano.
- 23** Batabani ba Isakaali ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Tola, enda eya Batola: okuva ku Puva, enda eya Bapuva:
- 24** okuva ku Yasubu, enda eya Bayasubu: okuva ku Simuloni, enda eya Basimuloni.
- 25** Ezo ze nda za Isakaali ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, obukumi mukaaga mu enkumi nnya mu bisatu.
- 26** Batabani ba Zebbulooni ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Seredi, enda eya Baseredi: okuva ku Eroni, enda eya Baeroni: okuva ku Yaleeri, enda eya Bayaleeri.
- 27** Ezo ze nda eza Bazebbulooni ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, obukumi mukaaga mu bitaano.
- 28** Batabani ba Yusufu ng'enda zaabwe bwe zaali: Manase ne Efulayimu
- 29** Batabani ba Manase: okuva ku Makiri, enda eya Bamakiri: Makiri n'azaala Gireyaadi: okuva ku Gireyasdi, enda eya Bagireyaadi.
- 30** Bano be batabani ba Gireyaadi: okuva ku Yezeeri, enda eya Bayezeeri: okuva ku Kereki, enda eya Bakereki:
- 31** n'okuva ku Asuliyeri, enda eya Basuliyeri: n'okuva ku Sekemu, enda eya Basekemu:
- 32** n'okuva ku Semida, enda eya Basemida: n'okuva ku Keferi, enda eya Bakeferi.
- 33** Ne Zerofekadi mutabani wa Keferi teyazaala baana ba bulenzi, wabula ab'obuwala: ne bawala ba Zerofekadi amannya gaabwe Maala ne Toowa, Kogula, Mirika, ne Tiruza.
- 34** Ezo ze nda za Manase: n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi butaano mu enkumi bbiri mu lusanvu.
- 35** Bano be batabani ba Efulayimu ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Susera, enda eya Basusera: okuva ku Bekeri, enda eya Babekeri: okuva ku Takani, enda eya Batakani.
- 36** Ne bano be batabani ba Susera: okuva ku Erani, enda eya Baerani.
- 37** Ezo ze nda za batabani ba Efulayimu ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, obukumi busatu mu enkumi bbiri mu bitaano. Abo be batabani ba Yusufu ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 38** Batabani ba Benyamini ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Bera, enda eya Babera: okuva ku Asuberi, enda eya Basuberi: okuva ku Akiramu, enda eya Bakiramu:
- 39** okuva ku Sufamu, enda eya Basufamu: okuva ku Kufamu, enda eya Bakufamu.
- 40** Ne batabani ba Bera baali Aluda ne Naamani: okuva ku Aluda, enda eya Baluda: okuva ku Naamani, enda eya Banaamani.
- 41** Abo be batabani ba Benyamini ng'enda zaabwe bwe zaali: n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi buna mu enkumi ttaano mu lukaaga.
- 42** Bano be batabani ba Ddaani ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Sukamu, enda eya Basukamu. Ezo ze nda za Ddaani ng'enda zaabwe bwe zaali.

- 43 Enda zonna eza Basukamu, ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, baali obukumi mukaaga mu enkumi nnya mu bina.
- 44 Batabani ba Aseri ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Imuna, enda eya Baimuna: okuva ku Isuvi, enda eya Baisuvi: okuva ku Beriya, enda eya Baberiya.
- 45 Okuva ku batabani ba Beriya: okuva ku Keberi, enda eya Bakeberi: okuva ku Malukiyeeri, enda eya Bamalukiyeeri.
- 46 Ne muwala wa Aseri erinnya lye Seera.
- 47 Ezo ze nda eza batabani ba Aseri ng'abo abaabalibwa ku bo bwe baali, obukumi butaano mu enkumi ssatu mu bina.
- 48 Batabani ba Nafutaali ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Yazeeri, enda eya Bayazeeri: okuva ku Guni, enda eya Baguni:
- 49 okuva ku Yezeeri, enda eya Bayezeeri: okuva ku Siremu, enda eya Basiremu.
- 50 Ezo ze nda za Nafutaali ng'enda zaabwe bwe zaali: n'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi buna mu enkumi ttaano mu bina.
- 51 Abo be baabalibwa ku baana ba Isiraeri, obusiriivu mukaaga mu lukumi mu lusanvu mu asatu.
- 52 Mukama n'agamba Musa nti
- 53 nti Abo be baligabirwa ensi okuba obusika ng'omuwendo gw'amannya bwe guli.
- 54 Abayinga obungi olibawa obusika okusukkiriza, n'abatono olibawa obusika okuk-
endeezaako: buli muntu ng'abo abaabalibwa ku ye bwe baali, bw'aliweebwa bw'atyo obusika bwe.
- 55 Era naye ensi erigabibwa na bululu: ng'amannya g'ebika bya bakitaabwe bwe gali bwe balisika.
- 56 Ng'obululu bwe buliba obusika bwabwe bwe buligabirwa abo abayinga obungi n'abatono.
- 57 Ne bano be baabalibwa ku Baleevi ng'enda zaabwe bwe zaali: okuva ku Gerusoni, enda eya Bagerusoni: okuva ku Kokasi, enda eya Bakokasi: okuva ku Merali, enda eya Bamerali.
- 58 Zino ze nda za Leevi: enda eya Balibuni, enda eya Bakebbulooni, enda eya Bamakuli, enda eya Bamusi, enda eya Bakoola. Kokasi n'azaala Amulaamu.
- 59 Ne mukazi wa Amulaamu erinnya lye Yokebedi, muwala wa Leevi, eyazaalirwa Leevi mu Misiri: n'azaalira Amulaamu Alooni ne Musa ne Miryamu mwannyinaabwe.
- 60 Alooni n'azaalirwa Nadabu ne Abiku, Eriyazaali ne Isamaali.
- 61 Nadabu ne Abiku ne bafa, bwe baawaayo omuliro omulala mu maaso ga Mukama.
- 62 N'abo abaabalibwa ku bo baali obukumi bubiri mu enkumi ssatu, buli musajja eyaakamala omwezi ogumu n'okukirawo: kubanga tebaabalibwa mu baana ba Isiraeri, kubanga tebaaweebwa busika mu baana ba Isiraeri.
- 63 Abo be baabalibwa Musa ne Eriyazaali kabona; abaabalira abaana ba Isiraeri mu nsenyi za Mowaabu ku Yoludaani e Yeriko.
- 64 Naye mu abo temwali n'omu ku abo abaabalibwa Musa ne Alooni kabona; abaabalira abaana ba Isiraeri mu ddungu lya Sinaayi.
- 65 Kubanga Mukama yali ayogedde ku bo nti Tebalirema kufira mu ddungu. So tewaasi-galawo ku bo n'omu wabula Kalebu mutabani wa Yefune ne Yoswa mutabani wa Nuni.

Essuula 27

- 1 Awo ne wasembera bawala ba Zerofekadi, mutabani wa Keferi, mutabani wa Gireyaadi, mutabani wa Makiri, mutabani wa Manase, ab'oku nda za Manase mutabani wa Yusufu: ne gano ge mannya ga bawala be; Maala, Noowa ne Kogula ne

Mirika ne Tiruza.

- 2 Ne bayimirira mu maaso ga Musa ne mu maaso ga Eriyazaali kabona ne mu maaso g'abakulu nekibiina kyonna, ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu, nga boogera nti
- 3 Kitaffe yafiira mu ddungu, so teyali mu kibiina ky'abo abeekuaanyiza ku Mukama mu kibiina kya Koola: naye yafiira mu kibi kye ye; so teyazaala baana ba bulenzi.
- 4 Ekinaaba kiggisaawo ki erinnya lya kitaffe ku nda ye, kubanga teyazaala mwana wa bulenzi? Mutuwe obutaka mu baganda ba kitaffe.
- 5 Musa n'atwala ensonga yaabwe mu maaso ga Mukama.
- 6 Mukama n'agamba Musa nti
- 7 Bawala ba Zerofekadi boogera bya nsonga: tolirema kubawa butaka bwa busika mu baganda ba kitaabwe; era olibasisa obusika bwa kitaabwe.
- 8 Era onoogamba abaana ba Isiraeri nti Omusajja bw'anaafanga nga tazadde mwana wa bulenzi, kale muwala we munaamusisanga obusika bwe.
- 9 Era bw'anaabanga talina mwana wa buwala, kale munaawanga baganda be obusika bwe.
- 10 Era bw'anaabanga talina ba luganda, kale munaawanga baganda ba kitaawe obusika.
- 11 Era kitaawe bw'anaabanga talina ba luganda, kale munaawanga obutaka bwe oyo amuli okumpi mu luganda ku nda ye, naye anaabulyanga: era linaabanga eri abaana ba Isiraeri tteeka lya musango, nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 12 Awo Mukama n'agamba Musa nti Linnya ku lusozi luno Abalimu, olengere ensi gye mpadde abaana ba Isiraeri.
- 13 Kale bw'onoomala okugirengera, naawe olikuaanyizibwa eri abantu bo, nga Alooni muganda wo bwe yakuaanyizibwa:
- 14 kubanga mwajeemera ekigambo kyange mu ddungu Zini, mu kuwakana kw'ekibiina, okuntukuliza ku mazzi mu maaso gaabwe. (Ago ge mazzi ag'e Meriba e Kadesi mu ddungu Zini.)
- 15 Musa n'agamba Mukama nti
- 16 Mukama, Katonda w'emyoyo gya bonna abalina emibiri, alonde omusajja okufuga ekibiina,
- 17 anaafulumanga mu maaso gaabwe, era anaayingiranga mu maaso gaabwe, era anaabafulumyanga, era anaabayingizanga; ekibiina kya Mukama kireme okuba ng'endiga ezitalina musumba.
- 18 Mukama n'agamba Musa nti Twala Yoswa mutabani wa Nuni, omusajja alina omwoyo, omuteekeko omukono gwo;
- 19 omuyimirize mu maaso ga Eriyazaali kabona ne mu maaso g'ekibiina kyonna; omukuutirire mu maaso gaabwe.
- 20 Era onoomuteekako ku kitiibwa kyo, ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri bawulirenga.
- 21 Era anaayimiriranga mu maaso ga Eriyazaali kabona, anaamubuulizanga olw'omusango gwa Ulimu mu maaso ga Mukama: banaafulumanga lwa kigambo kye, era banaayingiranga lwa kigambo kye, ye n'abaana ba Isiraeri bonna wamu naye, ekibiina kyonna.
- 22 Musa n'akola nga Mukama bwe yamulagira: n'atwala Yoswa, n'amuyimiriza mu maaso ga Eriyazaali kabona, ne mu maaso g'ekibiina kyonna:
- 23 n'amuteekako emikono, n'amukuutira, nga Mukama bwe yayogera n'omukono gwa Musa.

Essuula 28

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Lagira abaana ba Isiraeri obagambe nti Ekirabo kyange, ebyange eby'okulya olw'ebyange ebiweebwayo ebikolebwa n'omuliro, eby'evvumbe eddungi gye ndi, munaakwatanga okubiwaayo gye ndi mu ntuuko zaabyo.
- 3 Era onoobagamba nti Kino kye kiweebwayo ekikolebwa n'omuliro kye munaawangayo eri Mukama; abaana b'endiga abalume abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema, buli lunaku babiri, okuba ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo.
- 4 Omwana gw'endiga ogumu onoowangayo enkya, n'omwana gw'endiga omulala onoowangayo akawungeezi;
- 5 n'ekitundu eky'ekkumi ekya efa ey'obutta obulungi okuba ekiweebwayo eky'obutta, ekitabuddwamu ekitundu eky'okuna ekya ini ey'amafuta amakube.
- 6 Ekyo kye kiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, ekyalagirwa ku lusozi Sinaayi okuba evvumbe eddungi, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 7 N'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako kinaabanga kitundu kya kuna kya ini olw'omwana gw'endiga ogumu: mu watukuvu mw'onoofukiranga ekiweebwayo eky'okunywa ekika eri Mukama.
- 8 N'omwana gw'endiga ogw'okubiri onoowangayo akawungeezi: ng'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako bwe biri, bw'onoogiwangayo bw'oty, okuba ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama.
- 9 Ne ku ssabbiiti abaana b'endiga babiri abalume abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema, n'ebitundu eby'ekkumi bibiri ebya efa ey'obutta obulungi okuba ekiweebwayo eky'obutta, obutabuddwamu amafuta, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako:
- 10 ekyo kye kiweebwayo ekya buli ssabbiiti, obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 11 Era emyezi gyammwe we ginaasookeranga munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama, ente envubuka bbiri, n'endiga ennume emu, abaana b'endiga abalume musanvu abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema;
- 12 n'ebitundu eby'ekkumi bisatu ebya efa ey'obutta obulungi okuba ekiweebwayo eky'obutta, obutabuddwamu amafuta, olwa buli nte; n'ebitundu eby'ekkumi bibiri eby'obutta obulungi obutabuddwamu amafuta olw'endiga emu;
- 13 n'ekitundu ekirala eky'ekkumi eky'obutta obulungi obutabuddwamu amafuta okuba ekiweebwayo eky'obutta olwa buli mwana gw'endiga; okuba ekiweebwayo ekyokebwa eky'evvumbe eddungi, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 14 N'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako binaabanga kitundu kya ini ey'envinnyo olw'ente, n'ekitundu eky'okusatu eky'ekibya olw'endiga ennume, n'ekitundu eky'okuna ekya ini olw'omwana gw'endiga: ekyo kye kiweebwayo ekyokebwa ekya buli mwezi okumalako emyezi egy'omwaka.
- 15 N'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi eri Mukama; eneeweebwangayo era n'ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 16 Era mu mwezi ogw'olubereberye, ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi n'ennya, wanaabangawo Okuyitako kwa Mukama.
- 17 Ne ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogwo wanaabangawo embaga: emigaati egitazimbulukuswa ginaaliirwanga ennaku musanvu.
- 18 Ku lunaku olw'olubereberye wanaabangawo okukuaana okutukuvu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono:
- 19 naye munaawangayo ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama; ente envubuka bbiri, n'endiga ennume emu, n'abaana b'endiga abalume

- musanvu abatannamala mwaka gumu: banaabanga gye muli abataliiko bulema:
- 20 n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, obutta obulungi obutabuddwamu amafuta: munaawangayo ebitundu eby'ekkumi bisatu olw'ente, n'ebitundu eby'ekkumi bibiri olw'endiga ennume;
 - 21 onoowangayo ekitundu ekirala eky'ekkumi olwa buli mwana gw'endiga ku baana b'endiga omusanvu;
 - 22 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi, okubatangirira.
 - 23 Munaawangayo ebyo era n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'enkya, ekinaabanga ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo.
 - 24 Bwe mutyo bwe munaawangayo buli lunaku, okumalako ennaku musanvu, eky'okulya eky'ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama: kinaaweewangayo era n'ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
 - 25 Ne ku lunaku olw'omusanvu munaabanga n'okukuaana okutukuvu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono.
 - 26 Era ne ku lunaku olw'ebibala ebibereberye, bwe munaawangayo ekiweebwayo eky'obutta obuggya eri Mukama mu mbaga yammwe eya ssabbiiti, kale munaabanga n'okukuaana okutukuvu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono:
 - 27 naye munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa okuba evvumbe eddungi eri Mukama; ente envubuka bbiri, endiga ennume emu, abaana b'endiga abalume musanvu abatanamala mwaka gumu;
 - 28 n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, ebitundu eby'ekkumi bisatu olwa buli nte, ebitundu eby'ekkumi bibiri olw'endiga ennume emu,
 - 29 ekitundu ekirala eky'ekkumi olwa buli mwana gw'endiga ku baana b'endiga omusanvu;
 - 30 embuzi ennume emu okubatangirira.
 - 31 Obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako, munaawangayo n'ebyo (binaabanga gye muli ebitaliiko bulema), n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako.

Essuula 29

- 1 Ne mu mwezi ogw'omusanvu ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi, munaabanga n'okukuaana okutukuvu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono: lwe lunaku olw'okufuuyirako amakondeere gye muli.
- 2 Era munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa okuba evvumbe eddungi eri Mukama; ente envubuka emu, endiga ennume emu, abaana b'endiga abalume omusanvu abatanamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 3 n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, ebitundu eby'ekkumi bisatu olw'ente, ebitundu eby'ekkumi bibiri olw'endiga ennume,
- 4 n'ekitundu eky'ekkumi kimu olwa buli mwana gw'endiga ku baana b'endiga omusanvu:
- 5 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi, okubatangirira:
- 6 obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa eky'omwezi ogwakajja guboneke, n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako, ng'etteeka lyabyo bwe liri, okuba evvumbe eddungi, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro eri Mukama.
- 7 Ne ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi ogwo ogw'omusanvu munaabanga

n'okukuaana okutukuvu; era munaabonerezanga obulamu bwammwe; temukolanga mulimu gwonna:

- 8** naye munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama okuba evvumbe eddungi; ente envubuka emu, endiga ennume emu, abaana b'endiga abalume musanvu abatanamala mwaka gumu; banaabanga gye muli abataliiko bulema:
- 9** n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, ebitundu eby'ekkumi bisatu olw'ente, ebitundu eby'ekkumi bibiri olw'endiga ennume emu,
- 10** ekitundu ekirala eky'ekkumi olwa buli mwana gw'endiga ku baana b'endiga omusanvu:
- 11** embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo olw'ekibi eky'okutangirira, n'ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako.
- 12** Ne ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogw'omusanvu munaabanga n'okukuaana okutukuvu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono, era munaakwatiranga embaga ennaku musanvu eri Mukama:
- 13** era munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama; ente envubuka kkumi na ssatu, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu; banaabanga abataliiko bulema:
- 14** n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, obutta obulungi obutabuddwamu amafuta, ebitundu eby'ekkumi bisatu olwa buli nte ku nte ekkumi n'essatu, ebitundu eby'ekkumi bibiri olwa buli ndiga ennume ku ndiga ennume zombi,
- 15** n'ekitundu ekirala eky'ekkumi olwa buli mwana gw'endiga ku baana b'endiga ekkumi n'abana:
- 16** n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 17** Ne ku lunaku olw'okubiri munaawangayo ente envubuka kkumi na bbiri, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 18** n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, ng'omuwendo gwabyo bwe gunaabanga, ng'etteeka bwe liri:
- 19** n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako.
- 20** Ne ku lunaku olw'okusatu ente kkumi n'emu, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema;
- 21** n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, ng'omuweado gwabyo bwe gunaabanga, ng'etteeka bwe liri:
- 22** n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 23** Ne ku lunaku olw'okuna ente kkumi, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 24** ekiweebwayo eky'obutta ekyako n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, ng'omuwendo gwabyo bwe gunaabanga, ng'etteeka bwe liri:

- 25 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 26 Ne ku lunaku olw'okutaano ente mwenda, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 27 n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, ng'omuwendo gwabyo bwe gunaabanga, ng'etteeka bwe liri:
- 28 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 29 Ne ku lunaku olw'omukaaga ente munaana, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 30 n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, ng'omuwendo gwabyo bwe gunaabanga, ng'etteeka bwe liri:
- 31 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako.
- 32 Ne ku lunaku olw'omusanvu ente musanvu, endiga ennume bbiri, abaana b'endiga abalume kkumi na bana abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 33 n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, ng'omuwendo gwabyo bwe gunaabanga, ng'etteeka bwe liri:
- 34 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi; obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 35 Ku lunaku olw'omunaana munaabanga n'okukuaana okw'okwewombeeka: temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono:
- 36 naye munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa, ekiweebwayo ekikolebwa n'omuliro, eky'evvumbe eddungi eri Mukama: ente emu, endiga ennume emu, abaana b'endiga abalume musanvu abatannamala mwaka gumu abataliiko bulema:
- 37 ekiweebwayo eky'obutta ekyako n'ebiweebwayo eby'okunywa ebyako olw'ente, olw'endiga ennume, n'olw'abaana b'endiga, binaabanga ng'omuwendo gwabyo, ng'etteeka bwe liri:
- 38 n'embuzi ennume emu okuba ekiweebwayo olw'ekibi: obutassaako ekiweebwayo ekyokebwa ekitaliggwaawo, n'ekiweebwayo eky'obutta ekyako, n'ekiweebwayo eky'okunywa ekyako.
- 39 Ebyo bye munaawangayo eri Mukama mu mbaga zammwe ezaalagirwa, obutassaako bweyamo bwammwe, n'ebyo bye muwaayo ku bwammwe, okuba bye muwaayo ebyokebwa, ne bye muwaayo eby'obutta, ne bye muwaayo eby'okunywa, ne bye muwaayo olw'emirembe.
- 40 Musa n'abuulira abaana ba Isiraeri nga byonna bwe byali Mukama bye yalagira Musa.

Essuula 30

- 1 Musa n'agamba emitwe gy'ebika by'abaana ba Isiraeri nti Kino kye kigambo Mukama ky'alagidde.
- 2 Omusajja bw'aneeyamanga obweyamo eri Mukama, oba bw'anaalayiranga ekirayiro okulagaanya obulamu bwe n'endagaano, tavumisanga kigambo kye; anaakolanga nga

byonna bwe biri ebifuluma mu kamwa ke.

- 3 Era omukazi bw'aneeyamanga obweyamo eri Mukama, ne yeeragaanya n'endagaano, ng'ali mu anyumba ya kitaawe, mu buto bwe;
- 4 kitaawe n'awulira obweyamo bwe n'endagaano gy'alagaanyizza obulamu bwe, kitaawe n'amusirikira: kale obweyamo bwe bwonna bunaanyweranga, na buli ndagaano gy'alagaanyizza obulamu bwe eneenyweranga.
- 5 Naye kitaawe bw'anaamugaananga ku lunaku lw'awulirirako; tewabangawo ku bweyamo bwe newakubadde ku ndagaano ze, ze yalagaanya obulamu bwe, eneenyweranga: era Mukama anaamusonyiwanga kubanga kitaawe yamugaana.
- 6 Era bw'anaabanga alina bba, obweyamo bwe nga buli ku ye, oba emimwa gye bye gyogera ng'ayanguyiriza, by'alagaanyizza obulamu bwe;
- 7 bba n'awulira n'amusirikira ku lunaku lw'akiwulirirako: kale obweyamo bwe bunaanyweranga, n'endagaano z'alagaanyizza obulamu bwe zinaanyweranga.
- 8 Naye bba bw'anaamugaananga ku lunaku lw'akiwulirirako; kale anajjululanga obweyamo bwe obuli ku ye, n'emimwa gye bye gyogedde ng'ayanguyirizza, by'alagaanyizza obulamu bwe: era Mukama anaamusonyiwanga.
- 9 Naye obweyamo bwa nnamwandu oba bw'oyo eyagobebwa bba, buli kye yalagaanya obulamu bwe, kinaanyweranga ku ye.
- 10 Era oba nga yeeyamira obweyamo mu nnyumba ya bba, oba yalagaanya obulamu bwe n'endagaano ng'alayira,
- 11 bba n'akiwulira n'amusirikira n'atamugaana; kale obweyamo bwe bwonna bunaanyweranga, na buli ndagaano gye yalagaanya obulamu bwe eneenyweranga.
- 12 Naye bba oba nga yabidibya ku lunaku lwe yabiwulirirako; kale buli ekyafuluma mu mimwa gye mu bigambo by'obweyamo bwe oba mu bigambo by'endagaano y'obulamu bwe tekinyweranga: bba ng'abijjuludde; era Mukama anaamusonyiwanga.
- 13 Buli bweyamo na buli kirayiro eky'endagaano eky'okwebonereza obulamu bwe, bba ayinza okukinyweza, oba bba ayinza okukijjulula.
- 14 Naye bba bw'anaamusirikiriranga ddala bulijjo bulijjo; kale anaanywezanga obweyamo bwe bwonna, oba endagaano ze zonna eziri ku ye: ng'abinywezezza, kubanga yamusirikira ku lunaku lwe yabiwulirirako.
- 15 Naye bw'anaabidibyanga ng'amaze okubiwulira; kale ye anaabangako obutali butuukirivu bw'omukazi.
- 16 Ago ge mateeka Mukama ge yalagira Musa, wakati w'omusajja ne mukazi we, wakati wa kitaawe w'omuwala ne muwala we, ng'akyali mu buto bwe, mu nnyumba ya kitaawe.

Essuula 31

- 1 Mukama n'agamba Musa nti
- 2 Woolera eggwanga ly'abaana ba Isiraeri ku Bamidiyaani; oluvannyuma olyoke okuaanyizibwe eri abantu bo.
- 3 Musa n'agamba abantu nti Muggye mu mmwe abasajja mubawe eby'okulwanyisa olw'entalo, batabaale Midiyaani, okuwoolera eggwanga lya Mukama ku Midiyaani.
- 4 Munaggya ku buli kika lukumi okubunya ebika byonna ebya Isiraeri, ne mubatuma okutabaala.
- 5 Awo ne baleeta ku nkumi za Isiraeri, ku buli kika lukumi, kakumi mu enkumi bbiri nga balina eby'okulwanyisa olw'entalo.
- 6 Musa n'abasindika okutabaala, ku buli kika lukumi, bo ne Finekaasi mutabani wa Eriyazaali kabona, okutabaala, awamu n'ebintu eby'omu watukuvu n'amakondeere agalawa mu mukono gwe.

- 7 Ne balwana ne Midiyaani, nga Mukama bwe yalagira Musa; ne batta buli musajja.
- 8 Ne batta bakabaka ba Midiyaani wamu n'abalala abattibwa; Evi ne Lekemu, ne Zuuli, ne Kuula, ne Leeba, bakabaka ba Midiyaani abataano: ne Balamu mutabani wa Byoli baamutta n'ekitala.
- 9 Abaana ba Isiraeri ne banyaga abakazi ba Midiyaani n'abaana baabwe abato; n'ebisibo byabwe byonna, n'embuzi zaabwe zonna, n'ebintu byabwe byonna ne babitwala okuba omunyago.
- 10 N'ebibuga byabwe byonna mu bifo mwe baasulanga, n'ensiisira zaabwe zonna, ne babyokya omuliro.
- 11 Ne batwala omunyago gwonna ne bye baafuna byonna, oba nga bantu oba nga nsolo.
- 12 Ne baleeta omwandu ne bye baafuna n'omunyago eri Musa n'eri Eriyazaali kabona n'eri ekibiina ky'abaana ba Isiraeri, eri olusiisira olwali mu nsenyi za Mowaabu, eziri ku Yoludaani e Yeriko.
- 13 Awo Musa ne Eriyazaali kabona n'abakulu bonna ab'ekibiina ne bafuluma okubasisinkana ebweru w'olusiisira.
- 14 Musa n'asuguwalira abaami b'eggye, abaami b'enkumi n'abaami b'ebikumi, abaava mu kuweereza mu lutabaalo.
- 15 Musa n'abagamba nti Abakazi bonna mubawonyezza okufa?
- 16 Laba, bano be baasobesa abaana ba Isiraeri ku Mukama, olw'okuteesa kwa Balamu, mu bigambo bya Peoli, bw'atyo kawumpuli n'aba mu kibiina kya Mukama.
- 17 Kale nno kaakano mutte buli musajja ku baana abato, era mutte buli mukazi eyamanya omusajja ng'asula naye.
- 18 Naye abaana abato ab'obuwala, abatamanyanga musajja nga basula naye, mubee-wonyeze obutafa.
- 19 Era musiisire ebweru w'olusiisira ennaku musanvu: buli eyatta omuntu yenna, era buli eyakoma ku muntu yenna eyattibwa, mwerongoose ku lunaku olw'okusatu ne ku lunaku olw'omusanvu, mmwe n'omwandu gwammwe.
- 20 Na buli kyambalo na buli kintu eky'eddiba, n'omulimu gwonna ogw'ebikuzzi by'embuzi, n'ebintu byonna eby'emitu, muneerongoosa.
- 21 Eriyazaali kabona n'agamba abasajja abatabaazi abaatabaala nti Lino lye tteeka ery'ekiragiro Mukama ky'alagidde Musa:
- 22 naye zaabu ne ffeeza, ekikomo, ekyuma, ebbaati, n'erisasi,
- 23 buli kintu ekiyinza omuliro, munaakiyisa mu muliro, ne kiba kirongoofu; naye kinaalongoosebwa n'amazzi ag'okwawula: n'ebyo byonna ebitayinza muliro munaabiyisa mu mazzi.
- 24 Era mulyoza engoye zammwe ku lunaku olw'omusanvu, ne muba balongoofu, oluvan-nyuma ne mulyoka muyingira mu lusiisira.
- 25 Mukama n'agamba Musa nti
- 26 Bala omuwendo gw'omunyago ogwanyagibwa, abantu era n'ensolo, ggwe ne Eriyazaali kabona n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ez'ekibiina:
- 27 mwawulemu omunyago ebitundu bibiri; eky'abasajja abamanyi entalo abaatabaala, n'eky'ekibiina kyonna:
- 28 omusolooze Mukama omusolo ku basajja abatabaazi abaatabaala: buli bitaano obulamu bumu, ku bantu ne ku nte ne ku ndogoyi ne ku mbuzi:
- 29 guggye ku kitundu kyabwe, uguwe Eriyazaali kabona, okuba ekiweebwayo ekisitulibwa ekya Mukama.
- 30 Ne ku kitundu eky'abaana ba Isiraeri onoggyako obumu obuggibwa ku buli ataano, ku bantu, ku nte, ku ndogoyi, ne ku mbuzi, ku nsolo zonna, n'obuwa Abaleevi, abakuuma ennyumba ya Mukama gye baateresebwa.
- 31 Musa ne Eriyazaali kabona ne bakola nga Mukama bwe yalagira Musa.

- 32 N'ebiy' okugereka ebyafikkawo ku munyago abasajja abatabaazi gwe baanyaga, byali endiga obusiriivu mukaaga mu obukumi musanvu mu enkumi ttaano,
- 33 n'ente obukumi musanvu mu enkumi bbiri,
- 34 n'endogoyi obukumi mukaaga mu lukumi,
- 35 n'abantu obukumi busatu mu enkumi bbiri okugatta bonna, ku bakazi abatamanyanga musajja nga basula naye.
- 36 N'ekitundu ekyali eky'abo abaatabaala, omuwendo gwakyo kyali endiga obusiriivu busatu mu obukumi busatu mu kasanvu mu bitaano:
- 37 n'omusolo gwa Mukama ogw'oku ndiga gwali lukaaga mu nsanvu mu ttaano.
- 38 N'ente zaali obukumi busatu mu kakaaga; ku ezo omusolo gwa Mukama gwali nsanvu mu bbiri.
- 39 N'endogoyi zaali obukumi busatu mu bitaano; ku ezo omusolo gwa Mukama gwali nkaaga mu emu.
- 40 N'abantu baali kakumi mu kakaaga; ku abo omusolo gwa Mukama gwali abantu asatu mu babiri.
- 41 Musa n'awa Eriyazaali kabona omusolo, kye kyali ekiweebwayo ekisitulibwa ekya Mukama, nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 42 Musa n'aggya ku kitundu eky'abaana ba Isiraeri, Musa kye yayawula ng'akiggya ku basajja abaatabaala,
- 43 (era ekitundu eky'ekibiina kyali endiga obusiriivu busatu mu obukumi busatu mu kasanvu mu bitaano,
- 44 n'ente obukumi busatu mu kakaaga,
- 45 n'endogoyi obukumi busatu mu bitaano,
- 46 n'abantu kakumi mu kakaaga;)
- 47 ku kitundu eky'abaana ba Isiraeri Musa n'aggya obulamu bumu obuggibwa ku buli ataano, ku bantu era ne ku nsolo, n'abiwa Abaleevi abaakuumanga ennyumba ya Mukama gye baateresebwa; nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 48 N'abaami abaatwala enkumi ez'omu ggye, abaami b'enkumi n'abaami b'ebikumi, ne basemberera Musa:
- 49 ne bagamba Musa nti Abaddu bo babaze omuwendo gw'abasajja abatabaazi be tutwala, so tekubuzeeko muntu n'omu ku ffe.
- 50 Era tuleese ekirabo kya Mukama, buli muntu ky'afunye, eby'obuyonjo ebya zaabu, emikuufu egy'oku magulu, n'emisagga, empeta eziriko obubonero n'ez'omu matu, n'ebikomo, okutangirira obulamu bwaffe mu maaso ga Mukama
- 51 Musa ne Eriyazaali kabona ne babaggyako ezaabu, eby'obuyonjo byonna ebiweese.
- 52 Ne zaabu yonna ey'ekiweebwayo ekisitulibwa kye baawaayo eri Mukama; nga bagiggya ku baami b'enkumi ne ku baami b'ebikumi, yali sekeri kakumi mu kakaaga mu lusanvu mu ataano.
- 53 (Kubanga abasajja abatabaazi; baali beenyagidde ebintu, buli muntu ebibye.)
- 54 Musa ne Eriyazaali kabona ne batwala ezaabu ey'abaami b'enkumi n'ab'ebikumi, ne bagireeta mu weema ey'okusisinkanirangamu, okuba nga ekijjukizo eri abaana ba Isiraeri mu maaso ga Mukama.

Essuula 32

- 1 Abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi baalina ensolo nnyingi nnyo nnyini: awo bwe baalaba ensi ya Yazeri, n'ensi ye Gireyaadi, nga, laba, ekifo ekyo kifo kya nsolo;
- 2 abaana ba Gaadi n'abaaaa ba Lewubeeni ne bajja ne bagamba Musa ne Eriyazaali kabona n'abakulu ab'ekibiina nti
- 3 Atalisi ne Diboni ne Yazeri ne Nimula ne Kesuboni ne Ereale ne Sebamu ne Nebo ne

Beoni,

- 4 ensi Mukama gye yakuba mu maaso g'ekibiina kya Isiraeri, ensi ya nsolo, n'abaddu bo balina ensolo.
- 5 Ne boogera nti Oba nga tulabye ekisa mu maaso go, ensi eno eweebwe abaddu bo okuba obutaka; totusomosa Yoludaani.
- 6 Musa n'agamba abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni nti Baganda bammwe banaatabaala, mmwe nga mutudde wano?
- 7 Era kiki ekibakeenterezesa omwoyo gw'abaana ba Isiraeri obutasomoka okuyingira mu nsi Mukama gye yabawa?
- 8 Bakitammwe bwe baakola bwe batyo bwe nnabatuma nga nnyima e Kadesubanea okulaba ensi.
- 9 Kubanga bwe baayambuka mu kiwonvu e Esukoli, ne balaba ensi, ne bakeentereza omwoyo gw'abaana ba Isiraeri, baleme okuyingira mu nsi Mukama gye yali abawadde.
- 10 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku lunaku luli, n'alayira ng'agunba nti
- 11 Mazima tewaliba ku basajja abaalinnya okuva mu Misiri, abakamaze emyaka abiri n'okukirawo, abaliraba ensi gye nnalayirira Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo; kubanga tebangobereredde ddala:
- 12 wabula Kalebu mutabani wa Yefune Omukenizi ne Yoswa mutabani wa Nuni: kubanga abo bagobereredde ddala Mukama.
- 13 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku Isiraeri, n'abatambulizatambuliza eyo n'eyo mu ddungu emyaka ana, okutuusa ezzadde lyonna abaali bakoze obubi mu maaso ga Mukama lwe baazikirira.
- 14 Era, laba, mmwe muyimiridde mu kifo kya bakitammwe, okwala okw'abantu abalina ebibi, okwongera nate ekiruyi kya Mukama eri Isiraeri.
- 15 Kubanga bwe munaakyuka obutamugoberera, anaabaleka nate omulundi ogw'okubiri mu ddungu nammwe munaazikiriza abantu bano bonna.
- 16 Ne bamusemberera ne bagamba nti Tunaazimbira ensolo zaffe ebiraalo wano, n'ebibuga olw'abaana baffe abato:
- 17 naye ffe bennyini tuliba nga tweteeseese nga tukutte eby'okulwanyisa okukulembera abaana ba Isiraeri okutuusa lwe tulimala okubayingiza mu kifo kyabwe: n'abaana baffe abato balituula mu bibuga ebiriko enkomera olw'abo abatuula mu nsi.
- 18 Tetulikomawo mu nnyumba zaffe, okutuusa abaana ba Isiraeri lwe balimala okusikira buli muntu obusika bwe.
- 19 Kubanga tetulisikira wamu nabo emitala wa Yoludaani n'okweyongerayo; kubanga obusika bwaffe butugwiridde emitala w'eno ewa Yoludaani ebuvanjuba.
- 20 Musa n'abagamba nti Bwe munaakola ekigambo ekyo; bwe munaakwata eby'okulwanyisa okukulembera Mukama okutabaala,
- 21 na buli musajja ku mmwe alina eby'okulwanyisa bw'anaasomoka Yoludaani mu maaso ga Mukama, okutuusa lw'aligobera ddala abalabe be mu maaso ge,
- 22 ensi n'ewangulwa mu maaso ga Mukama: awo oluvannyuma ne mulyoka mukomawo, ne mutabaako musango eri Mukama n'eri Isiraeri; n'ensi eno eneebanga butaka gye muli mu maaso ga Mukama.
- 23 Naye bwe mutaakole bwe mutyo, laba, nga mwonoonye Mukama: era mutegeerere ddala ng'okwonoona kwammwe kulibayigga.
- 24 Muzimbire abaana bammwe abato ebibuga, n'ebiraalo olw'endiga zammwe; era mukole ekyo ekifulumye mu kammwa kammwe.
- 25 Abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni ne bagamba Musa nti Abaddu bo banaakola nga mukama wange bw'alagidde.
- 26 Abaffe abato, bakazi baffe, embuzi zaffe, n'ensolo zaffe zonaa binaabeera eyo mu

bibuga eby'e Gireyaadi:

- 27 naye abaddu bo banaasomoka, buli musajja alina eby'okulwanyisa olw'entalo, mu maaso ga Mukama okutabaala, mukama wange bw'ayogedde.
- 28 Awo Musa n'alagira Eriyazaali kabona ebigambo byabwe ne Yoswa mutabani wa Nuni n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ez'ebika by'abaana ba Isiraeri.
- 29 Musa n'abagamba nti Abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni bwe balisomoka Yoludaani awamu nammwe, buli musajja alina eby'okulwanyisa olw'entalo, mu maaso ga Mukama, ensi n'ewangulwa mu maaso gammwe; kale mulibawa ensi y'e Gireyaadi okuba obutaka:
- 30 naye, bwe batalikkiriza kusomoka wamu nammwe nga bakutte eby'okulwanyisa, baliba n'obutaka mu mmwe mu nsi ya Kanani.
- 31 Abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni ne baddamu nti Nga Mukama bw'agambye abaddu bo, bwe tutyo bwe tunaakola.
- 32 Tunaasomoka nga tukutte eby'okulwanyisa mu maaso ga Mukama okuyingira mu nsi ya Kanani, era obutaka obw'obusika bwaffe bulibeera naffe emitala wa Yoludaani.
- 33 Musa n'abawa bo, abaana ba Gaadi n'abaana ba Lewubeeni, n'ekitundu ky'ekika kya Manase mutabani wa Yusufu, obwakabaka bwa Sikoni kabaka w'Abamoli n'obwakabaka bwa Ogi kabaka w'e Basani, ensi ng'ebibuga byayo bwe byali wamu n'ensalo zaabyo, bye bibuga eby'omu nsi eriraanyeevo.
- 34 Abaana ba Gaadi ne bazimba Diboni ne Atalosi ne Aloweri;
- 35 ne Aterosisofani ne Yazeri ne Yogubeka;
- 36 ne Besunimira ne Besukalaani: ebibuga ebiriko enkomera n'ebisibo by'endiga.
- 37 Abaana ba Lewubeeni ne bazimba Kesuboni ne Ereale ne Kiriyasayimu;
- 38 ne Nebo ne Baalomyoni, (nga bawaanyisizza amannya gaabyo), ne Sibima: ne babituuma amannya amalala ebibuga bye baazimba.
- 39 Abaana ba Makiri mutabani wa Manase ne bagenda e Gireyaadi, ne bakirya, ne bagobamu Abamoli abaali omwo.
- 40 Musa n'awa Makiri mutabani wa Manase Gireyaadi; n'abeera omwo.
- 41 Yayiri mutabani wa Manase n'agenda n'alya ebibuga byayo, n'abiyita Kavosuyayiri.
- 42 Noba n'agenda n'alya Kenasi, n'ebyalo byakyo, n'akituuma Noba, ng'erinnya lye ye bwe lyali.

Essuula 33

- 1 Bino bye biramago eby'abaana ba Isiraeri, bwe baava mu nsi y'e Misiri ng'eggye lyabwe bwe lyali wansi w'omukono gwa Musa ne Alooni.
- 2 Musa n'awandiika okusitula kwabwe ng'ebiramago byabwe bwe byali olw'ekiragiro kya Mukama: era bino bye biramago byabwe ng'okusitula kwabwe bwe kwali.
- 3 Ne basitula e Lamesesi mu mwezi ogw'olubereberye, ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogw'olubereberye; ku lw'enky'a Okuyitako nga kuwedde abaana ba Isiraeri ne bavaayo n'omukono ogwagulumizibwa mu maaso g'Abamisiri bonna,
- 4 Abamisiri bwe baali nga bakyaziika ababereberye baabwe bonna Mukama be yakuba mu bo: ne ku bakatonda baabwe Mukama n'awalana emisango.
- 5 Abaana ba Isiraeri ne basitula e Lamesesi, ne basiisira e Sukkosi.
- 6 Ne basitula e Sukkosi, ne basiisira e Yesamu, ekiri ku mabbali g'eddungu.
- 7 Ne basitula e Yesamu ne badda ennyuma okntuuka e Pikakirosi, ekyolekera Baalizefoni: ne basiisira okwolekera Migudooli.
- 8 Ne basitula e Kakirosi, ne bayita wakati mu nnyanja ne bayingira mu ddungu: ne batambula olugendo olw'ennaku ssatu mu ddungu ery'e Yesamu, ne basiisira mu Mala.

- 9 Ne basitula e Mala ne batuuka e Erimu: era mu Erimu waaliwo ensulo z'amazzi kkumi na bbiri, n'enkindu nsanvu; ne basiisira eyo.
- 10 Ne basitula e Erimu, ne basiisira ku Nnyanja Emmyufu.
- 11 Ne basitula okuva ku Nnyanja Emmyufu, ne basiisira mu ddungu Sini.
- 12 Ne basitula okuva mu ddungu Sini, ne basiisira e Dofuka.
- 13 Ne basitula e Dofuka, ne basiisira e Yalusi.
- 14 Ne basitula e Yalusi, ne basiisira e Lefidimu, awataali mazzi abantu okunywa.
- 15 Ne basitula e Lefidimu, ne basiisira mu ddungu Iya Sinaayi.
- 16 Ne basitula okuva mu ddungu Iya Sinaayi, ne basiisira e Kiberosukataava.
- 17 Ne basitula e Kiberosukataava, ne basiisira e Kazerosi.
- 18 Ne basitula e Kazerosi, ne basiisira e Lisuma.
- 19 Ne basitula e Lisuma, ne basiisira e Limoniperezi.
- 20 Ne basitula e Limoniperezi, ne basiisira e Libuna.
- 21 Ne basitula e Libuna, ne basiisira e Lisa.
- 22 Ne basitula e Lisa, ne basiisira e Kekerasa.
- 23 Ne basitula e Kekerasa, ne basiisira ku lusozi Seferi.
- 24 Ne basitula okuva ku lusozi Seferi, ne basiisira e Kalada.
- 25 Ne basitula e Kalada, ne basiisira e Makerosi.
- 26 Ne basitula e Makerosi, ne basiisira e Takasi.
- 27 Ne basitula e Takasi, ne basiisira e Tera.
- 28 Ne basitula e Tera, ne basiisira e Misuka.
- 29 Ne basitula e Misuka, ne basiisira e Kasumona.
- 30 Ne basitula e Kasumona, ne basiisira e Moserosi.
- 31 Ne basitula e Moserosi, ne basiisira e Beneyakani.
- 32 Ne basitula e Beneyakani, ne basiisira e Kolukagidugada.
- 33 Ne basitula e Kolukagidugada, ne basiisira e Yorubasa.
- 34 Ne basitula e Yorubasa, ne basiisira e Yabulona.
- 35 Ne basitula e Yabulona, ne basiisira e Ezyonigeba.
- 36 Ne basitula e Ezyonigeba, ne basiisira mu ddungu Zini (ye Kadesi):
- 37 Ne basitula e Kadesi, ne basiisira ku lusozi Koola, ku mabbali g'ensi ya Edomu.
- 38 Aloon kabona n'alinnya ku lusozi Koola olw'ekiragiyo kya Mukama, n'afira okwo, abaana ba Isiraeri nga baakamaze emyaka ana okuva mu nsi y'e Misiri, mu mwezi ogw'okutaano, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi.
- 39 Era Aloon yali yaakamaze emyaka kikumi mu abiri mu esatu bwe yafira ku lusozi Koola.
- 40 N'Omukanani, kabaka w'e Yaladi, eyatuulanga ebukiika obwa ddyo mu nsi ya Kanani, n'awulira abaana ba Isiraeri nga bajja.
- 41 Ne basitula okuva ku lusozi Koola, ne basiisira e Zalumona.
- 42 Ne basitula e Zalumona, ne basiisira e Punoni.
- 43 Ne basitula e Punoni, ne basiisira e Yobosi.
- 44 Ne basitula e Yobosi, ne basiisira e Iyeabalimu, ku mabbali ga Mowaabu.
- 45 Ne basitula e Iyeabalimu, ne basiisira e Dibonugadi.
- 46 Ne basitula e Dibonugadi, ne basiisira e Yalumonudibulasaimu.
- 47 Ne basitula e Yalumonudibulasaimu, ne basiisira ku nsozi Abalimu, okwolekera Nebo.
- 48 Ne basitula okuva ku nsozi Abalimu, ne basiisira mu nsenyi za Mowaabu ku Yoludaani e Yeriko.
- 49 Ne basiisira ku Yoludaani, okuva e Besuyesimosi okutuuka e Yaberisitimu mu nsenyi za Mowaabu.
- 50 Mukama n'agambira Musa mu nsenyi za Mowaabu ku Yoludaani e Yeriko nti

- 51** Yogera n’abaana ba Isiraeri obagambe nti Bwe mulisomoka Yoludaani ne musingira mu nsi ya Kanani,
- 52** kale muligobamu bonna abatuula mu nsi mu maaso gammwe, ne muzikiriza amayinga gaabwe gonna agaliko ebifaananyi, ne muzikiriza ebifaananyi byabwe byonna ebifumbe, ne musuulasuula ebifo byabwe byonna ebigulumivu:
- 53** era mulirya ensi ne mutuula omwo: kubanga mmwe ngiwadde ensi okugirya.
- 54** Era mulisikira ensi n’obululu ng’enda zammwe bwe ziri; abayinga obungi mulibawa obusika okusukkiriza, n’abatono olibawa obusika okukendeezaako: wonna wonna akalulu we kaligwirira omuntu, kale we waliba awawe; ng’ebika bya bakitammwe bwe biri bwe mulisika bwe mutyo.
- 55** Naye bwe mutalikkiriza kugobamu abo abatuula mu nsi mu maaso gammwe; kale abo be mulisigaza ku bo banaabanga ng’ebifumita mu maaso gammwe era ng’amaggwa mu mbiriizi zammwe, era banaabateganyanga mu nsi gye mulituulamu.
- 56** Awo olulituuka, nga bwe nnali ndowooza okubakola bo, bwe ntyo bwe ndibakola mmwe.

Essuula 34

- 1** Mukama n’agamba Musa nti
- 2** Lagira abaana ba Isiraeri obagambe nti Bwe muliyingira mu nsi ya Kanani, (eyo ye nsi eribagwira okuba obusika, ensi ya Kanani ng’ensalo zaayo bwe ziri,)
- 3** kale oluuyi lwammwe olw’obukiika obwa ddyo luliva ku ddungu Zini ne luyita ku mabbali ga Edomu, n’ensalo yammwe ey’obukiika obwa ddyo eriva ku nkomerero y’Ennyanja Ey’omunyo ebuwanjuba:
- 4** n’ensalo yammwe erikyukira ku luuyi olw’obukiika obwa ddyo olw’ekkubo eririnyia ku Akulabbimu, n’eyita n’etuuka Ezini: n’enkomerero yaayo eriba ku luuyi olw’obukiika olwa ddyo olw’e Kadesubanea; era erifuluma okutuuka e Kazaladali, n’eyita n’etuuka e Yazimoni:
- 5** era ensalo erikyukira okuva e Yazimoni okutuuka ku mugga ogw’e Misiri, n’enkomerero yaayo eriba ku nnyanja.
- 6** N’okuba ensalo ey’ebugwanjuba, muliba n’ennyanja ennene n’ensalo yaayo: eyo y’eriba ensalo yammwe ey’ebugwanjuba.
- 7** N’eno y’eriba ensalo yammwe ey’obukiika obwa kkono: okuva ku nnyanja ennene mulyerambira olusozi Koola:
- 8** okuva ku lusozi Koola muliramba okutuuka w’oyingirira e Kamasi; n’enkomerero y’ensalo eriba ku Zedada:
- 9** era ensalo erifuluma okutuuka e Zifuloni, n’enkomerero yaayo eriba ku Kazalenaani: eyo y’eriba ensalo yammwe ey’obukiika obwa kkono.
- 10** Era muliramba ensalo yammwe ey’ebuwanjuba okuva e Kazalenaani okutuuka e Sefamu:
- 11** era ensalo eriva e Sefamu n’ekka e Libula ku luuyi olw’ebuwanjuba olw’e Yaini; era ensalo erikka, n’etuuka ku lubalama lw’ennyanja ey’e Kianeresi ebuwanjuba:
- 12** era ensalo erikka n’etuuka ku Yoludaani, n’enkomerero yaayo eriba ku Nnyanja Ey’omunyo: eyo y’eriba ensi yammwe ng’ensalo zaayo bwe ziriba enjuyi zonna.
- 13** Musa n’alagira abaana ba Isiraeri ng’ayogera nti Eyo ye nsi gye mulisikira n’obululu, Mukama gy’alagidde okuva ebika omwenda n’ekika eky’ekitundu:
- 14** kubanga ekika ky’abaana ba Lewubeeni ng’ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, n’ekika ky’abaana ba Gaadi ng’ennyumba za bakitaabwe bwe ziri, baamala okuweebwa obusika bwabwe n’ekika eky’ekitundu ekya Manase baamala okubuweebwa:
- 15** ebika ebibiri n’ekika eky’ekitundu baamala okuweebwa obusika bwabwe emitala wa

Yoludaani e Yeriko ebuvanjuba enjuba gy'eva.

- 16 Mukama n'agamba Musa nti
- 17 Gano ge mannya g'abasajja abalibagabira ensi okuba obusika: Eriyazaali kabona ne Yoswa mutabani wa Nuni.
- 18 Era mulitwala omukulu omu ku buli kika, okugaba ensi okuba obusika.
- 19 Era gano ge manaya g'abasajja: ku kika kya Yuda Kalebu mutabani wa Yefune.
- 20 Ne ku kika ky'abaaaa ba Simyoni Semweri mutabani wa Ammikudi.
- 21 Ku kika kya Benyamini, Eridaadi mutabani wa Kisuloni.
- 22 Ne ku kika ky'abaana ba Ddaani, omukulu omu Buki mutabani wa Yoguli.
- 23 Ku baana ba Yusufu: ku kika ky'abaana ba Manase, omukulu omu Kanieri mutabani wa Efodi;
- 24 ne ku kika ky'abaana ba Efulayimu omukulu omu Kamueri mutabani wa Sifutani.
- 25 Ne ku kika ky'abaana ba Zebbulooni, omukulu omu Erizafani mutabani wa Palunaki.
- 26 Ne ku kika ky'abaana ba Isakaali, omukulu omu Palutieri mutabani wa Azani.
- 27 Ne ku kika ky'abaana ba Aseri, omukulu omu Akikuda mutabaai wa Seromi.
- 28 Ne ku kika ky'abaana ba Nafutaali, omukulu omu Pedakeri mutabani wa Ammikudi.
- 29 Abo be baabo Mukama be yalagira okugabira abaana ba Isiraeri obusika mu nsi ya Kanaani.

Essuula 35

- 1 Mukama n'agambira Musa mu nsenyi za Mowaabu ku Yoludaani e Yeriko nti
- 2 Lagira abaana ba Isiraeri okuwa Abaleevi ebibuga eby'okutuulamu nga babiggya ku busika obw'obutaka bwabwe; era n'amalundiro ag'oku bibuga agabyetoolodde muligawa Abaleevi.
- 3 N'ebibuga banaabanga nabyo okusulamu: n'amalundiro gaako ganaabanga ga bisibo byabwe era ga bintu byabwe era ga nsolo zaabwe zonna.
- 4 N'amalundiro ag'oku bibuga, ge muliwa Abaleevi, galiva ku bbugwe w'ekibuga n'okweyongerayo emikono lukumi enjuyi zonna.
- 5 Era muligera ebweru w'ekibuga ku luuyi olw'ebuwanjuba emikono enkumi bbiri, ne ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo emikono enkumi bbiri, ne ku luuyi olw'ebugwanjuba emikono enkumi bbiri, ne ku luuyi olw'obukiika obwa kkono emikono enkumi bbiri, ekibuga nga kiri wakati. Ago ge galiba gye bali amalundiro ag'oku bibuga.
- 6 N'ebibuga bye muliwa Abaleevi, biriba ebibuga mukaaga eby'okuddukiramumu, bye muliwa omussi w'omuntu okuddukira omwo: era mulyongerera ku ebyo ebibuga ana mu bibiri.
- 7 Ebibuga byonna bye muliwa Abaleevi biriba ebibuga ana mu munaana; byo n'amalundiro gaabyo.
- 8 N'ebibuga bye muliggya ku butaka obw'abaana ba Isiraeri okubigaba, ku bangi muliggyako bingi; ne ku batono muliggyako bitono: buli muntu ng'obusika bwe bwe buliba bw'alisikira, bw'atyo bw'aligabira Abaleevi ku bibuga bye.
- 9 Mukama n'agamba Musa nti
- 10 Yogera n'abaana ba Isiraeri obagambe nti Bwe mulisomoka Yoludaani ne musingira mu nsi ya Kanani,
- 11 kale mulyerondera ebibuga okuba ebibuga eby'okuddukiramumu gye muli; omussi w'omuntu anattanga omuntu yenna ng'ataniddwa addukire omwo.
- 12 N'ebibuga binaabanga gye muli bya kuddukirangamu eri omuwoolezi w'eggwanga; omussi w'omuntu alemenga okufa nga tannayimirira mu maaso g'ekibiina okusalirwa omusango.
- 13 N'ebibuga bye muliwa biriba gye muli ebibuga mukaaga bya kuddukiramumu.

- 14 Muliwa ebibuga bisatu emitala wa Yoludaani, era muliwa ebibuga bisatu mu nsi ya Kanani; binaabanga bibuga bya kuddukirangamu.
- 15 Eri abaana ba Isiraeri n'eri omugenyi n'eri oyo atuula mu bo, ebibuga ebyo omukaaga binaabanga bya kuddukirangamu: buli anattanga omuntu yenna ng'ataniddwa addukirenga omwo.
- 16 Naye oba nga yamukuba n'ekintu eky'ekyuma n'okufa n'afa, oyo nga mussi wa muntu: omussi w'omuntu talemanga kuttibwa.
- 17 Era oba nga yamukuba n'ejjinja ng'alikutte mu ngalo, eriyinza okutta omuntu, n'afa, oyo nga mussi wa muntu: omussi w'omuntu talemanga kuttibwa.
- 18 Oba nga yamukuba n'ekintu eky'omuti ng'akikutte mu ngalo, ekiyinza okutta omuntu, n'afa, oyo nga mussi wa muntu: omussi w'omuntu talemanga kuttibwa.
- 19 Omuwoolezi w'omusaayi yennyini ye anattanga omussi w'omuntu: lw'amusisinkananga lw'amuttanga.
- 20 Era oba nga yamufumita olw'okumukyawa, oba yamukasuukirira, ng'ateeze, n'okufa n'afa;
- 21 oba yamukuba n'ekikonde olw'obulabe, n'okufa n'afa: eyamukuba talemanga kuttibwa; oyo mussi wa muntu: omuwoolezi w'omusaayi alitta omussi w'omuntu; lw'alimusinginkana.
- 22 Naye oba nga yamufumita mangu awatali bulabe, oba yamukasuukirira ekintu kyonna nga tateeze,
- 23 oba ejjinja lyonna eriyinza okutta omuntu, nga tamulabye, n'alimusuulako, n'okufa n'afa, so tabanga mulabe we, so teyayagala kumukola bubi:
- 24 kale ekibiina banaasalanga omusango gw'oyo eyakuba n'omuwoolezi w'omusaayi ng'emisango egyo bwe giri:
- 25 era ekibiina banaawonyanga omussi w'omuntu mu mukono gw'omuwoolezi w'omusaayi, era ekibiina banaamuzzangayo mu kibuga kye eky'okuddukirangamu kye yali addukiddemu: era anaasulanga omwo okutuusa kabona omukulu eyafukibwako amafuta amatukuvu lw'anaafanga.
- 26 Naye omussi w'omuntu bw'anaabanga ayise ku nsalo y'ekibuga kye eky'okuddukirangamu, ky'addukiramu;
- 27 omuwoolezi w'omusaayi n'amusanga ng'ali bweru w'ensalo y'ekibuga kye eky'okuddukirangamu, omuwoolezi w'omusaayi n'atta omussi w'omuntu; tabangako musango gwa musaayi:
- 28 kubanga yalema okubeera mu kibuga kye eky'okuddukirangamu okutuusa kabona omukulu lwe yandifudde: naye kabona omukulu ng'amaze okufa kale omussi w'omuntu anaddangayo mu nsi ey'obutaka bwe.
- 29 Era ebyo binaabanga tteeka lya musango gye muli mu mireembe gyammwe gyonna mu nnyumba zammwe zonna.
- 30 Buli anattanga omuntu yenna, omussi w'omuntu anattibwanga olw'akamwa k'abajulirwa: naye omujulirwa omu talumirizanga muntu yenna okumutta.
- 31 Era temukkirizanga bya kununula bulamu bwa mussi wa muntu, asaanidde okufa: naye talemanga kuttibwa.
- 32 So temukkirizanga bya kununula oyo eyaddukira mu kibuga kye eky'okuddukirangamu, akomewo okutuula mu nsi, okutuusa kabona lw'alifa.
- 33 Bwe mutyo temwonoona nsi gye mulimu: kubanga omusaayi, ogwo gwe gwonoona ensi: so n'ensi teyinza kutangirirwa olw'omusaayi oguyiise omwo, wabula n'omusaayi gw'oyo eyaguyiwa.
- 34 So temwonoona nsi gye mutuulamu, gye mbeeramu wakati: kubanga nze Mukama mbeera wakati mu baana ba Isiraeri.

Essuula 36

- 1 Awo emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ez'enda y'abaana ba Gireyaadi, mutabani wa Makiri, mutabani wa Manase, ow'oku nda za batabani ba Yusufu, ne basembera ne boogerera mu maaso ga Musa ne mu maaso g'abakulu, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ez'abaana ba Isiraeri:
- 2 ne boogera nti Mukama yalagira mukama wange okugabira abaana ba Isiraeri ensi n'obululu okuba obusika: era mukama wange yalagirwa Mukama okugabira obusika bwa Zerofekadi muganda waffe bawala be.
- 3 Era bwe banaafumbirwanga yenna ku baana b'ebika by'abaana ba Isiraeri ebirala, kale obusika bwabwe bunaggibwanga ku busika bwa bakitaffe, ne bugattibwa ku busika obw'ekika kye balibaamu: bwe butyo buliggibwa ku mugabo gw'obusika bwaffe.
- 4 Awo jjubiri ogw'abaana ba Isiraeri bwe gultuuka, kale obusika bwabwe buligattibwa ku busika obw'ekika ekiriba ekyabwe: bwe butyo obusika bwabwe buliggibwa ku busika obw'ekika kya bakitaffe.
- 5 Musa n'alagira abaana ba Isiraeri ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali ng'ayogera nti Ekika kya batabani ba Yusufu boogera bya nsonga.
- 6 Kino kye kigambo Mukama ky'alagira ku bawala ba Zerofekadi, ng'ayogera nti Bafumbirwanga gwe banaasiimanga; kyokka ku nda y'ekika kya kitaabwe kwe banaafumbirwanga.
- 7 Bwe kityo tewaabengawo busika bwonna obw'abaana ba Isiraeri obunaakyukanga okuva mu kika okuyingira mu kika kinnaakyo: kubanga abaana ba Isiraeri baneegattanga buli muntu n'obusika obw'ekika kya bakitaabwe.
- 8 Na buli muwala, anaabanga n'obusika mu kika kyonna eky'abaana ba Isiraeri, anaabanga mukazi w'omu ku nda ey'ekika kya kitaawe, abaana ba Isiraeri balyoke balye buli muntu obusika bwa bakitaabwe.
- 9 Bwe kityo tewaabengawo busika bwonna obunaakyukanga okuva mu kika okuyingira mu kika ekirala; kubanga ebika by'abaana ba Isiraeri baneegattanga buli muntu n'obusika bwe ye.
- 10 Nga Mukama bwe yalagira Musa, bwe batyo bawala ba Zerofekadi bwe baakola:
- 11 kubanga Maala, Tiruza, ne Kogula, ne Mirika, ne Noowa, bawala ba Zerofekadi, ne bafumbirwa batabani ba baganda ba kitaabwe.
- 12 Baafumbirwa ku nda za batabani ba Manase mutabani wa Yusufu, obusika bwabwe ne bubeeranga mu kika eky'enda ya kitaabwe.
- 13 Ebyo bye biragiho n'emisango, Mukama bye yalagira abaana ba Isiraeri n'omukono gwa Musa mu nsenyi za Mowaabu ku Yoludaani e Yeriko.

Ekyamateeka

Essuula 1

- 1 Bino bye bigambo Musa bye yabuulira Isiraeri yenna emitala wa Yoludaani mu ddungu, mu Alaba awoolekera Sufu, wakati We Palani ne Toferi ne Labani ne Kazerosi ne Dizakabu.
- 2 Lwe lugendo olw'ennaku ekkumi n'olumu okuva e Kolebu okuyita awali olusozi Seyiri okutuuka e Kadesubanea.
- 3 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'amakumi ana, mu mwezi ogw'ekkumi n'ogumu, ku lunaku olw'omwezi ogw'oluberebereye, Musa n'ayogera n'abaana ba Isiraeri, nga byonna bwe byali Mukama bye yamulagira okubabuulira;
- 4 bwe yamala okutta Sikoni kabaka w'Abamoli, eyatuulanga mu Kesuboni, ne Ogi kabaka We Basani, eyatuulanga mu Asutaloosi, mu Ederei:
- 5 emitala wa Yoludaani, mu nsi ya Mowaabu, Musa gye yatanulira okulangira amateeka gano,
- 6 ng'ayogera nti Mukama Katonda waffe yayogerera naffe ku Kolebu, ng'ayogera nti Mwaludde okutuula ku lusozi luno:
- 7 mukyuke, mutambule, mugende mu nsi ey'ensozi ey'Abamoli, ne mu bifo byonna ebiriraanyeeowo, mu Alaba, mu nsi ey'ensozi, ey'olusenyi, ne mu Bukiika obwa ddyo, ne ku ttale ly'ennyanya, ensi y'Abakanani, ne Lebanooni, okutuuka ku mugga omunene, omugga Fulaati.
- 8 Laba, ensi ngitadde mu maaso gammwe: muyingire, mulye ensi Mukama gye yalayirira bajjajja bammwe, Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo, okubawa bo n'ezzadde lyabwe eririddawo.
- 9 Nange nnayogera nammwe mu biro ebyo, nga amba nti Nze siyinza kubasitula nzekka:
- 10 Mukama Katonda wammwe abongedde, era, laba, leero muli ng'emmunyeenye ez'omu ggullu okuba obungi.
- 11 Mukama, Katonda wa bajjajja bammwe, abongere emirundi lukumi okusinga nga bwe muli, era abawe omukisa, nga bwe yabasuubiza!
- 12 Nze nnyinza ntya nzekka okusitula okutegana kwammwe n'omugugu gwammwe n'okuyomba kwammwe?
- 13 Mwetwalire abasajja ab'amagezi era abategeevu era ab'amaanyi, ng'ebika byammwe bwe biri, nange ndibafuula abakulu bammwe.
- 14 Nammwe ne muddamu ne mwogera nti Ekigambo ky'oyogedde kirungi ffe okukikola.
- 15 Kale ne ntuala abakulu b'ebika byammwe, abasajja ab'amagezi, era ab'amaanyi, ne mbafuula abakulu bammwe, abaami b'enkumi, era abaami b'ebikumi, era abaami b'ataano, era abaami b'amakumi, era abamyuka, ng'ebika byammwe bwe biri.
- 16 Era nnakuutira abalamuzi bammwe mu biro ebyo, nga njogera nti Muwulirenga ensonga za baganda bammwe, musalirenga emisango egy'ensonga omuntu ne muganda we ne munnaggwanga ali awamu naye.
- 17 Temusalirizanga bwe munaasalanga emisango; munaawuliranga abato n'abakulu okubenkanyankanya; temutyanga maaso ga muntu; kubanga omusango gwa Katonda: era ensonga eneebalemanga mugireetanga gye ndi, nange naagiwuliranga.
- 18 Era nabalagira mu biro ebyo byonna eby'abagwanira okukola.
- 19 Awo ne tutambula okuva e Kolebu, ne tuyita mu ddungu liri lyonna eddene ery'entiisa lye mwalaba mu kkubo eriyita mu nsi ey'ensozi ey'Abamoli, nga Mukama Katonda waffe bwe yatulagira; ne tutuuka e Kadesubanea.

- 20 Ne mbagamba nti Mutuuse mu nsi ey'ensozi ey'Abamoli, Mukama Katonda waffe gy'atuwa.
- 21 Laba, Mukama Katonda wo attadde ensi mu maaso go: yambuka olye nga Mukama Katonda wa bajjajja bo bwe yakugamba; totya so tokankana.
- 22 Ne musemberera buli muntu ku mmwe, ne mwogera nti Tutume abantu abanatukulembera, batume abantu abaatukulembera, batukulemberere ensi, bakomewo batubuulire ekkubo bwe liri lye tuba twambukiramu, n'ebibuga bwe biri mwe tulituuka.
- 23 Ekigambo ekyo ne kinsanyusa nnyo: ne nnonda ku mmwe abantu kkumi na babiri, buli kika omuntu omu:
- 24 ne bakyuka ne balinnya ku lusozi, ne batuuka mu kiwonvu kya Esukoli, ne bakiketeta.
- 25 Ne batwala ku bibala by'ensi mu ngalo zaabwe, ne babireeta gye tuli, ne batubuulira ne boogera nti Ensi eyo nnungi Mukama Katonda waffe gy'atuwa.
- 26 Naye mmwe ne mutakkiriza kwambuka, naye ne mujeemera ekiragiro kya Mukama Katonda wammwe:
- 27 ne mwemulugunyiza mu weema zammwe, ne mwogera nti Kubanga Mukama yatukyawa, kyeyava atuggya mu nsi y'e Misiri, okutugabula mu mikono gy'Abamoli, okutuzikiriza.
- 28 Twambuka wa? baganda baffe batusaanuisizza emitima gyaffe, nga boogera nti Abantu banene bawanvu okusinga ffe; ebibuga binene, byazimbibwako ebigo okutuuka mu ggulu; era twalabayo abaana ba Abanaki.
- 29 Awo ne ndyoka mbagamba nti Temubatya, so temubatekemukira.
- 30 Mukama Katonda wammwe abakulembera ye anaabalwaniriranga, nga byonna bwe byali bye yabakolera mu Misiri mu maaso gammwe;
- 31 ne mu ddungu, mwe walabira Mukama Katonda wo bwe yakusitula ng'omusajja bw'asitula omwana we, mu kkubo lyonna lye mwayitamu, okutuusa lwe mwatuuka mu kifo kino.
- 32 Naye mu kigambo ekyo temwakkiriza Mukama Katonda wammwe,
- 33 eyabakulemberanga mu kkubo, okubanoonyezanga ekifo eky'okukubiramu eweema zammwe, ng'ayima mu muliro ekiro, okubalaganga ekkubo lye munaayitamu, ne mu kire emisana.
- 34 Awo Mukama n'awulira eddoboosi ly'ebigambo byammwe, n'asunguwala, n'alayira ng'ayogera nti
- 35 Mazima tewalibawo n'omu ku bantu bano ab'emirembe gino emibi aliraba ensi ennungi, gye nnalayirira okuwa bajjajja bammwe,
- 36 wabula Kalebu omwana wa Yefune, oyo y'alagiraba; era oyo ndimuwa ensi gye yalinnyako n'abaana be: kubanga yagoberera Mukama mu byonna:
- 37 Mukama n'ansunguwalira nze ku bwammwe, ng'ayogera nti Naawe toliyingira omwo:
- 38 Yoswa omwana wa Nuni, ayimirira mu maaso go, oyo aliyingira omwo: mugumye omwoyo; kubanga ye aligisisa Isiraeri.
- 39 Era n'abaana bammwe abato, be mwayogera nga bagenda okuba omwandu, n'abaana bammwe, abatamanyi leero birungi newakubadde ebibi, bo baliyingira omwo, era ndigibawa bo, era baligirya.
- 40 Naye mmwe mukyuke mutambule mu ddungu mu kkubo eriyita mu Nyanja Emmyufu.
- 41 Ne mulyoka muddamu ne muamba nti Tusobezza ku Mukama; tunaayambuka ne tulwana, nga byonna bwe biri Mukama Katonda waffe bye yatulagira. Ne mwesiba buli muntu ebibye eby'okulwanyisa, ne mwanguwa okulinnya ku lusozi.
- 42 Awo Mukama n'aamba nti Bagambe nti Temulinnya so temulwana; kubanga nze siri mu mmwe; muleme okugobebwa mu maaso g'abalabe bammwe:

- 43 Awo ne njogera nammwe, ne mutawulira; naye ne mujeemera ekiragiyo kya Mukama ne mukwatibwa amalala, ne mulinnya ku lusozi.
- 44 Awo Abamoli abaatuulanga ku lusozi olwo, ne bafulumu okubalumba ne babagoba, ng'enjuki bwe zikola, ne babakubirakubira ku Seyiri okutuusa ku Koluma.
- 45 Ne muddayo ne mukaaba amaziga mu maaso ga Mukama; naye Mukama n'atawulira ddooboozi lyammwe, so n'atabategera kutu.
- 46 Awo ne mutuulira mu Kadesi ennaku nnyingi, ng'ennaku bwe ziri ze mwamalayo.

Essuula 2

- 1 Awo ne tulyoka tukyuka, ne tutambula mu ddungu mu kkubo eriyita mu Nnyanja Emmyufu, nga Mukama bwe yaamba: ne twetooloolera olusozi Seyiri ennaku nnyingi.
- 2 Mukama n'ayogera nange nti
- 3 Mwaludde okwetooloola olusozi luno: mukyuke mugende ebukika obwa kkono.
- 4 Naawe lagira abantu ng'oyogera nti Mugenda kuyita mu nsalo ya baganda bammwe abaana ba Esawu abatuula ku Seyiri, era bo balibatya: kale mwekuume nnyo mwekka: 5 temuyomba nabo; kubanga sijja kubawa ku nsi yaabwe newakubadde awalinyibwa n'ekigere: kubanga nawa Esawu olusozi Seyiri okuba obutaka.
- 6 Munaagulanga emmere na ffeeza gye bali mulyenga; era n'amazzi munaagagulanga na ffeeza gye bali munywenga.
- 7 Kubanga Mukama Katonda wo akuwadde omukisa mu mulimu gwonna ogw'omukono gwo: yamanya okutambula kwo mu ddungu lino eddene: emyaka gino amakumi ana Mukama Katonda wo ng'abeera wamu naawe; tewabangawo kye wabulwa:
- 8 Awo ne tuyita ku mabbali baganda baffe abaana ba Esawu abatuula ku Seyiri, mu kkubo lya Alaba okuva mu Erasi ne Ezyonigeba. Ne tukyuka ne tuyita mu kkubo ly'omu ddungu lya Mowaabu.
- 9 Mukama n'aamba nti Tosunguwaza Mowaabu so tolwana nabo mu lutalo: kubanga sijja kukuwa ku nsi ye okuba obutaka; kubanga nawa abaana ba Lutti Ali okuba obutaka.
- 10 (Abemi baatuulanga omwo olubereberye, eggwanga ekkulu, era eddene era eggwanvu nga Abanaki bwe bali;
- 11 era nabo baayitibwa Balefa, nga Abanaki bwe bali; naye Abamowaabu baabayita Bem.
- 12 Era n'Abakooli baatuulanga ku Seyiri olubereberye, naye abaana ba Esawu ne babasikirira; ne babazikiriza mu maaso gaabwe, ne batuula mu kifo kyabwe; nga Isiraeri bwe yakola ensi ey'obutaka bwe Mukama gye yabawa.)
- 13 Kale mugolokoke musomoke akagga Zeredi. Ne tusomoka akagga Zeredi.
- 14 Era ennaku ze twamala kasookedde tuva e Kadesubanea okutuusa lwe twasomoka akagga Zeredi zaali emyaka amakumi asatu mu munaana; okutuusa emirembe gyonna egy'abalwanyi lwe baggweerawo wakati mu lusiisira, nga Mukama bwe yabalayirira.
- 15 Era omukono gwa Mukama gwalwananga nabo, okubazikiriza wakati mu lusiisira, okutuusa lwe baggwaawo.
- 16 Awo olwatuuka, abalwanyi bonna bwe baamala okuggwaawo era nga bafudde mu bantu,
- 17 Mukama n'alyoka aamba nti
- 18 Leero onooyita mu Ali, ye nsalo ya Mowaabu:
- 19 era bw'onoosemberera abaana ba Amoni era ng'oboolekedde, tobasunguwaza so toyomba nabo: kubanga sijja kukuwa ku nsi y'abaana ba Amoni okuba obutaka: kubanga nagyiwa abaana ba Lutti okuba obutaka.

- 20 (Era n'eyo eyitibwa nsi ya Balefa: Balefa baagituulangamu edda; naye Abamoni baabayita Bazamuzumu;
- 21 eggwanga ekkulu era eddene era eggwanvu. nga Abanaki bwe bali; naye Mukama yabazikiriza mu maaso gaabwe; ne babasikira ne batuula mu kifo kyabwe:
- 22 nga bwe yakola abaana ba Esawu, abaatuula ku Seyiri, bwe yazikiriza Abakooli mu maaso gaabwe; ne babasikira, ne batuula mu kifo kyabwe okutuusa leero:
- 23 n'Abavi abaatuulanga mu byalo okutuuka ku Gaza, Abakafutoli abaava mu Kafutoli ne babazikiriza ne batuula mu kifo kyabwe.)
- 24 Mugolokoke, mutambule, muyite mu kiwonvu kya Alunoni: laba, ngabudde mu mukono gwo Sikoni Omwamoli, kabaka w'e Kesuboni, n'ensi ye: tanula okugirya, olwane naye mu lutalo.
- 25 Leero naasooka okuteeka entiisa yo n'ekitiibwa kyo ku mawanga agali wansi w'eggulu lyonna, abaliwulira ettutumu lyo ne bakankana ne balumwa ku bubwo.
- 26 Ne ntuma ababaka okuva mu ddungu ery'e Kedemosi eri Sikoni kabaka w'e Kesuboni n'ebigambo eby'emirembe, nga njogera nti
- 27 Mpite mu nsi yo: naatambuliranga mu luguudo, sijja kukyamira ku mukono ogwa ddyo newakubadde ogwa kkono.
- 28 Emmere ononguzanga na ffeeza ndyenga; n'amazzi onoonguzanga na ffeeza nywenga: kyokka mpitemu n'ebigere byange;
- 29 ng'abaana ba Esawu abatuula ku Seyiri, n'Abamowaabu abatuula mu Ali bwe bankola; okutuusa lwe ndisomoka Yoludaani okugenda mu nsi Mukama Katonda waffe gy'atuwa.
- 30 Naye Sikoni kabaka w'e Kesuboni n'atatuganya kuyita ku mabbali ge: kubanga Mukama Katonda wo yakakanyaza omwoyo gwe, n'amuwaganyaza omutima gwe alyoke amugabule mu mukono gwo nga leero.
- 31 Mukama n'aamba nti Laba, ntanudde okugabula Sikoni n'ensi ye mu maaso go: tanula okulya ensi ye olyoke ogisikire.
- 32 Sikoni n'alyoka asitula okutulumba, ye n'abantu be bonna okulwanira e Yakazi.
- 33 Mukama Katonda waffe n'amugabula mu maaso gaffe; ne tumutta ye n'abaana be n'abantu be bonna.
- 34 Ne tunyaga ebibuga bye byonna mu biro ebyo, ne tuzikiririza ddala buli kibuga omuli abantu, wamu n'abakazi n'abaana abato; tetwasigazaawo n'omu:
- 35 ente zokka ze twetwalira okuba omunyago, wamu n'ebyo bye twaggya mu bibuga bye twanyaga.
- 36 Okuva ku Aloweri ekiri ku mabbali g'ekiwonvu kya Alunoni, era okuva ku kibuga ekiri mu kiwonvu okutuusa ku Gireyaadi, tewali kibuga ekyatulema olw'obugulumivu bwakyo: Mukama Katonda waffe yagabula byonna mu maaso gaffe:
- 37 kyokka tewasemberera nsi y'abaana ba Amoni: oluuyi lwonna olw'omugga Yaboki, n'ebibuga eby'omu nsi ey'ensozi, ne yonna Mukama Katonda waffe gye yatugaana.

Essuula 3

- 1 Ne tulyoka tukyuka ne twambukira mu kkubo erigenda e Basani: Ogi kabaka We Basani n'asitula okutulumba, ye n'abantu be bonna, okulwanira Ederei.
- 2 Mukama n'aamba nti Tomutya: kubanga mmugabudde ye n'abantu be bonna n'ensi ye mu mukono gwo; era olimukola nga bwe wakola Sikoni kabaka w'Abamoli abaatuulanga mu Kesuboni.
- 3 Awo Mukama Katonda waffe n'agabula mu mukono gwaffe ne Ogi kabaka We Basani n'abantu be bonna: ne tumutta okutuusa lwe watamusigalirawo n'omu:
- 4 Ne tunyaga ebibuga bye byonna mu biro ebyo; tewali kibuga kye tutaabanyagaako;

- ebibuga nkaaga, ensi yonna eya Alugobu, obwakabaka bwa Ogi mu Basani.
- 5 Ebyo byonna byali bibuga ebyazimbibwako bbugwe omuwanvu n'enzigi n'ebisiba; obutassaako bibuga ebitalina bbugwe bingi nnyo:
 - 6 Ne tubizikiririza ddala nga bwe twakola Sikoni kabaka w'e Kesuboni, nga tuzikiririza ddala buli kibuga omuli abantu, wamu n'abakazi n'abaana abato.
 - 7 Naye ente zonna n'ebyo bye twanyaga mu bibuga, ne twetwalira okuba omunyago.
 - 8 Era mu biro ebyo ne tuggya ensi mu mukono gwa bakabaka bombi ab'Abamoli abaali emitala wa Yoludaani, okuva mu kiwonvu kya Alunoni okutuusa ku lusozi Kerumooni;
 - 9 (Kerumooni Abasidoni bamuyita Siriyooni, n'Abamoli bamuyita Seniri;)
 - 10 ebibuga byonna eby'omu lusenyi, ne Gireyaadi yonna, ne Basani yonna, okutuusa ku Saleka ne Ederei, ebibuga by'obwakabaka bwa Ogi mu Basani:
 - 11 (Kubanga Ogi kabaka w'e Basani ye yasigalawo yekka ku abo abaasigalawo ku Balefa; laba, ekitanda kye kyali kya kyuma; tekiri mu Labba eky'abaana ba Amoni? obuwanvu bwakyo emikono mwenda, n'obugazi bwakyo emikono ena, ng'omukono gw'omuntu bwe guli.)
 - 12 N'ensi eyo ne tugirya mu biro ebyo: okuva ku Aloweri, ekiri ku mabbali g'ekiwonvu kya Alunoni, n'ekitundu ky'ensi ey'ensozi eya Gireyaadi, n'ebibuga byayo n'abiwa Abalewubeeni n'Abagaadi:
 - 13 n'ekitundu kya Gireyaadi ekyasigalawo, ne Basani yonna, obwakabaka bwa Ogi, nabiwa ekitundu ky'ekika kya Manase; ensi yonna eya Alugobu, ye Basani yonna, (Eyo eyitibwa nsi ya Balefa.
 - 14 Yayiri mutabani wa Manase n'atwala oluuyi lwonna olwa Alugobu okutuuka ku nsalo y'Abagesuli n'Abamaakasi; n'agituuma ye Basani, ng'erinnya lye bwe lyali, Kavosuyayiri, okutuusa leero.)
 - 15 Gireyaadi n'empaayo Makiri,
 - 16 N'Abalewubeeni n'Abagaadi ne mbawa okuva ku Gireyaadi okutuusa ku kiwonvu kya Alunoni, ekiwonvu ekya wakati, n'ensalo yaakyo; okutuusa ku mugga Yaboki, ye nsalo y'abaana ba Amoni;
 - 17 era ne Alaba ne Yoludaani n'ensalo yaagwo; okuva ku Kinneresi okutuusa ku nnyanja ya Alaba, Ennyanja Eyomunnya, awali entunnumba za Pisuga ku luuyi olw'ebujanjuba.
 - 18 Ne mbalagira mu biro ebyo nga njogera nti Mukama Katonda wammwe abawadde ensi eno okugirya: munaasomoka nga mukutte eby'okulwanyisa mu maaso ga baganda bammwe abaana ba Isiraeri, abasajja bonna abazira.
 - 19 Naye bakazi bammwe n'abaana bammwe abato n'ebisibo byammwe (mmani nga mulina ebisibo bingi) binaabeeranga mu bibuga byammwe bye nnabawa;
 - 20 okutuusa Mukama lw'aliwa baganda bammwe okuwummula, nga nammwe, era nabo nga balidde ensi Mukama Katonda wammwe gy'abawa emitala wa Yoludaani: ne mulyoka mudda buli muntu mu butaka bwe bwe nnabawa.
 - 21 Ne ndagira Yoswa mu biro ebyo nga njogera nti Amaaso go galabye byonna Mukama Katonda wammwe by'akoze bakabaka bano bombi: bw'atyo Mukama bw'alikola obwakabaka bwonna gye musomoka okugenda.
 - 22 Temubatyanga: kubanga Mukama Katonda wammwe, oyo y'abalwanirira.
 - 23 Ne nneegayirira Mukama mu biro ebyo nga ajogera nti
 - 24 Ai Mukama Katonda, otanudde okulaga omuddu wo obukulu bwo n'omukono gwo ogw'amaanyi; kubanga katonda ki ali mu ggulu oba mu nsi ayinza okukola ng'emirimu gyo bwe giri era ng'ebikolwa byo eby'amaanyi bwe biri?
 - 25 Nsomoke, nkwegayirira, ndabe ensi ennungi eri emitala wa Yoludaani, olusozi luli olulungi, ne Lebanoni.

- 26 Naye Mukama n'ansunguwalira nze ku bwammwe n'atampulira: Mukama n'aamba nti Kikumale: toyogera nate nange ku kigambo ekyo.
- 27 Linnya ku ntikko ya Pisuga, oyimuse amaaso go otunule ebugwanjuba n'obukiika obwa kkono n'obwa ddyo n'ebuvanjuba, olabe n'amaaso go: kubanga tolisomoka Yoludaani guno.
- 28 Naye kuutira Yoswa omugumye omuwe amaanyi: kubanga ye alisomoka ng'akulembera abantu bano, era ye alibasisa ensi gy'oliraba.
- 29 Awo ne tutuula mu kiwonvu ekyolekera Besupyoli.

Essuula 4

- 1 Ne kaakano, ggwe Isiraeri, wulira amateeka n'emisango, bye mbayigiriza, oku-bikolanga; mulyoke mube balamu, muyingire mulye ensi Mukama Katonda wa bajja-jja bammwe gy'abawa.
- 2 Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so temukisalangako, mukwatenga ebiragi-ro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira.
- 3 Amaaso gammwe galabye Mukama kye yakola olwa Baalipyoli: kubanga abantu bonna abaagoberera Baalipyoli, Mukama Katonda wo yabazikiriza wakati mu mmwe.
- 4 Naye mmwe abeegatta ne Mukama Katonda wammwe mukyali balamu buli muntu ku mmwe leero.
- 5 Laba, mbayigirizza amateeka n'emisango, nga Mukama Katonda wange bwe yandagira, mukolenga bwe mutyo wakati mu nsi gye muyingiramu okugirya.
- 6 Kale mubyekuumenga mubikolenga; kubanga ago ge magezi gammwe n'okutegeera kwammwe mu maaso g'amawanga aganaawuliranga amateeka ago gonna ne googera nti Mazima eggwanga lino ekkulu be bantu ab'amagezi era abategeera.
- 7 Kubanga, ggwanga ki eririna katonda abali okumpi nga Mukama Katonda waffe bw'ali bwe tumukoowoolanga?
- 8 Era ggwanga ki ekkulu eririna amateeka n'emisango egy'ensonga ng'amateeka gano gonna bwe gali, ge ntadde mu maaso gammwe leero?
- 9 Kyokka wegenderenze weekuume emmeeme yo ng'onyiikira, oleme okwerabira ebigambo amaaso go bye gaalaba, bireme okuva mu mutima gwo ennaku zonna ez'obulamu bwo; naye mubitegeezenga abaana bo n'abaana b'abaana bo;
- 10 olunaku lwe wayimirira mu maaso ga Mukama Katonda wo ku Kolebu, Mukama bwe yaamba nti Nkuaanyiza abantu, nange naabawuliza ebigambo byange, bayige okuntyanga ennaku zonna ze banaabanga abalamu ku nsi, era bayigirizenga abaana baabwe.
- 11 Ne musembere ne muyimirira wansi w'olusozi; olusozi ne lwaka n'omuliro okutuusa ku mutima gw'eggulu, n'ekizikiza, n'ekire, n'ekizikiza ekikutte.
- 12 Mukama n'ayogera nammwe ng'ayima wakati mu muliro: mwawulira eddobooyi ly'ebigambo, naye ne mutalaba kifaananyi kyonna; ddooyi lyokka.
- 13 N'ababuulira endagaano ye, gye yabalagira okukola, ge mateeka ekkumi; n'agawandika ku bipande by'amayinja bibiri.
- 14 Mukama n'andagira mu biro ebyo okubayigiriza amateeka n'emisango, mubikolenga mu nsi gye musomokera okugendamu okugirya.
- 15 Kale mwekuume nnyo; kubanga temwalaba kifaananyi kyonna kyonna ku lunaku Mukama lwe yayogera nammwe ku Kolebu ng'ayima wakati mu muliro:
- 16 mulemenga okweyoonona ne mwekolera ekifaananyi ekyole nga kifaanana ekintu kyonna, ekifaananyi ky'ekisajja oba eky'ekikazi,
- 17 ekifaananyi ky'ensolo yonna eri ku nsi, ekifaananyi ky'ennyonyi yonna erina ebi-waawaatiro ebuuka mu bbanga,

- 18 ekifaananyi ky'ekintu kyonna ekyewalula ku ttaka, ekifaaaanyi ky'ekyennyanja kyonna ekiri mu mazzi wansi w'ettaka:
- 19 era olemenga okuyimusa amaaso go mu ggulu, n'olaba enjuba n'omwezi n'emmuny- eenye, lye ggye lyonna ery'omu ggulu, n'osendebwasendebwa n'obisiza, n'obi- weereza, Mukama Katonda wo bye yagabira amawanga gonna agali wansi w'eggulu lyonna:
- 20 Naye Mukama yabatwala n'abaggya mu kikoomi eky'ekyuma, mu Misiri, okuba gy'ali abantu ab'envuma, nga leero.
- 21 Era nate Mukama yansunguwalira nze ku lwammwe, n'alayira nze obutasomoka Yoludaani, newakubadde okuyingira mu nsi eyo ennungi, Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obutaka:
- 22 naye kiwanira okufira mu nsi muno, tekiwanira kusomoka Yoludaani: naye mmwe mulisomoka: ne mulya ensi eyo ennungi.
- 23 Mwekuume mulemenga okwerabira endagaano ya Mukama Katonda wammwe, gye yalagaana nammwe, ne mwekolera ekifaananyi ekyole nga kirina engeri y'ekintu kyonna, Mukama Katonda wo kye yakugaana.
- 24 Kubanga Mukama Katonda wo gwe muliro ogwokya, Katonda ow'obuggya.
- 25 Bw'onoozaalanga abaana n'abaana b'abaana, era nga mumaze ebiro bingi mu nsi, era nga mumaze okweyoonona, ne mwekolera ekifaananyi ekyole nga kirina engeri y'ekintu kyonna, ne mukola ekiri mu maaso ga Mukama Katonda wo ekibi, oku- musunguwaza:
- 26 mpita eggulu n'ensi okuba abajulirwa eri mmwe leero, nga mulizikiririra ddala mangu ku nsi gye musomokera Yoludaani okugendamu okugirya; temuligimalako nnaku nnyingi, naye mulizikiririra ddala.
- 27 Era Mukama alibasaasanya mu mawanga, era mulisigalawo batono mu bantu, Mukama gy'alibatwala ewala.
- 28 Era muliweereza eyo bakatonda, emirimu gy'emikono gy'abantu, emiti n'amayinja, ebitalaba newakubadde okuwulira newakubadde okulya newakubadde okuwunyiriza.
- 29 Naye nga muyima eyo bwe munaanoonyanga Mukama Katonda wo, onoomulabanga bw'onoomunoonyanga n'omutima gwo gwonna n'obulamu bwo bwonna.
- 30 Bw'onooaba ng'olabye ennaku; era ebyo byonna nga bikujjidde; mu nnaku ez'enkomerero onookomangawo eri Mukama Katonda wo, era onoowuliranga eddo- boozi lye;
- 31 kubanga Mukama Katonda wo Katonda wa kusaasira; taakulekenga, so taakuziki- rizenga, so teyeerabirenga ndagaano ya bajjajja bo gye yabalayirira.
- 32 Kubanga kale buuza ennaku ez'edda ezaakusooka, okuva ku lunaku Katonda lwe yatonda abantu ku nsi, era okuva ku nkomerero y'eggulu okutuuka ku nkomerero yaalyo, oba nga waabangawo ekifaanana ng'ekigambo kino ekikulu; oba kyawulir- wanga ekiri bwe kityo.
- 33 Waabangawo abantu abaawulira eddoozi lya Katonda nga lyogera nga liva wakati mu muliro, nga ggwe bwe wawulira, ne baba balamu?
- 34 Oba Katonda yali agezezzaako okugenda okwetwalira eggwanga ng'aliggya wakati mu ggwanga linnaalyo, n'okukema n'obubonero n'eby'amagero n'entalo n'engalo ez'amaanyi n'omukono ogwagololwa n'eby'entiisa ebikulu, nga byonna bwe byali Mukama Katonda wammwe bye yabakolera mu Misiri mu maaso gammwe?
- 35 Ggwe walagibwa bw'otyo olyoke omanyega nga Mukama ye Katonda; tewali mulala wabula ye.
- 36 Yakuwuliza eddoozi lye ng'ayima mu ggulu alyoke akuyigirize: ne ku nsi yakula- bya omulimu gwe omunene; n'owulira ebigambo bye nga biva wakati mu muliro.
- 37 Era kubanga yayagala bajjajja bo, kyeyava alonda ezzadde lyabwe eriddawo,

- n'akuggya mu Misiri ye ng'abeera naawe olw'obuyinza bwe obungi;
- 38** okugoba mu maaso go amawanga agaakusinga obukulu n'amaanyi, okukuyingiza ggwe, okukuwa ensi yaabwe okuba obutaka, nga leero.
- 39** Kale manya leero, era okisse ku mwoyo, nga Mukama ye Katonda mu ggulu waggulu ne mu nsi wansi: tewali mulala.
- 40** Era oneekuumanga amateeka ge n'ebiragiro bye, bye nkulagira leero, olabenga ebirungi ggwe n'abaana bo abaliddawo, era omale ennaku nnyingi ku nsi, Mukama Katonda wo gy'akuwa, emirembe gyonna.
- 41** Awo Musa n'alyoka ayawula ebibuga bisatu emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba;
- 42** omussi addukirenga omwo, anattanga munne ng'ataniddwa; so nga tamukyawanga; addukirenga mu kimu ku bibuga ebyo abeerenga omulamu;
- 43** Bezeri ekiri mu ddungu, mu lusenyi, okuba eky'Ababalewubeeni; ne Lamosi ekiri mu Gireyaadi okuba eky'Abagaadi; ne Golani ekiri mu Basani okuba eky'Abamanase.
- 44** Era gano ge mateeka Musa ge yateeka mu maaso g'abaana ba Isiraeri:
- 45** buno bwe bujulirwa n'amateeka n'emisango Musa bye yabuulira abaana ba Isiraeri bwe baava mu Misiri;
- 46** emitala wa Yoludaani, mu kiwonvu ekyolekera Besupyoli, mu nsi ya Sikoni kabaka w'Abamoli, eyatuulanga mu Kesuboni, Musa n'abaana ba Isiraeri gwe baakuba, bwe baava mu Misiri:
- 47** ne balya ensi ye, n'ensi ya Ogi kabaka We Basani, bakabaka bombi ab'Abamoli, abaabanga emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba;
- 48** okuva ku Aloweri, ekiri ku mabbali g'ekiwonvu kye Alunoni, okutuusa ku lusozi Sayuuni (oyo Ye Kerumooni),
- 49** ne Alaba yonna emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba, okutuusa ku nnyanja ya Alaba, awali entunnumba za Pisuga.

Essuula 5

- 1** Awo Musa n'ayita Isiraeri yenna n'abagamba nti Wulira, ggwe Isiraeri, amateeka n'emisango bye njogera mu matu gammwe leero, mubiyige, mubikwatenga okubikola.
- 2** Mukama Katonda waffe yalagaanira endagaaao naffe ku Kolebu.
- 3** Mukama teyalagaana ndagaano eyo ne bajjajja baffe, naye naffe ffe, abali wano fenna nga balamu leero.
- 4** Mukama Yayogera nammwe nga mulabagana n'amaaso ku lusozi ng'ayima wakati mu muliro,
- 5** (nnayimirira wakati wa Mukama nammwe mu biro ebyo, okubalaga ekigambo kya Mukama: kubaaga mwali mutidde olw'omuliro ne mutalinnya ku lusozi;) ng'ayogera nti
- 6** Nze Mukama Katonda wo eyakuggya mu nsi y'e Misiri, mu nnyumba y'obuddu.
- 7** Tobanga na bakatonda balala we ndi.
- 8** Teweekoleranga kifaananyi kyole, ekifaananyi ky'ekintu kyonna ekiri mu ggulu waggulu, newakubadde wansi ku ttaka, newakubadde mu mazzi agali wansi w'ettaka:
- 9** tobivuunamiranga, so tobiweerezanga: kubanga nze Mukama Katonda wo ndi Katonda wa buggya, awalana ku baaa obubi bwa bajjajja baabwe, ne ku bannakabirye ne ku bannakasatwe ku abo abankyawa;
- 10** era addiramumu abantu nkumi na nkumi ku abo abanjagala, abeeukuuma amateeka gange.
- 11** Tolayiriranga bwereere linnya lya Mukama Katonda wo: kubanga Mukama talimutowooza nga taliiko musango omuntu alayirira obwereere erinnya lye.

- 12 Okwatanga olunaku olwa ssabbiiti okulutukuza, nga Mukama Katonda wo bwe yakulagira.
- 13 Ennaku omukaaga okolanga n'omala emirimu gyo gyonna:
- 14 naye olunaku olw'omusanvu ye ssabbiiti ya Mukama Katonda wo: tolukolerangako mirimu gyonna ggwe newakubadde mutabani wo newakubadde muwala wo, newakubadde omuddu wo, newakubadde omuzaana wo; newakubadde ente yo, newakubadde endogoyi yo, newakubadde ebisolo byo byonna, newakubadde munnag-gwanga wo ali ewuwo; omuddu wo n'omuzaana wo bawummulenga: era nga naawe.
- 15 Era onojjukiranga nga wali muddu mu nsi y'e Misiri, Mukama Katonda wo n'akug-gyamu n'engalo ez'amaanyi n'omukono ogwagololwa: Mukama Katonda wo kyeyava akulagira okwekumanga olunaku olwa ssabbiiti.
- 16 Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa, nga Mukama Katonda wo bwe yakula-gira: ennaku zo zibe nnyingi, era olabe ebirungi ku nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa.
- 17 Tottanga.
- 18 So toyendanga:
- 19 So tobbanga.
- 20 So towaayirizanga muntu munno:
- 21 So teweegombanga mukazi wa muntu munno, so toyaayaaniranga nnyumba ya muntu munno, newakubadde enimiro ye, newakubadde omuddu we, newakubadde omuza-ana we, newakubadde ente ye newakubadde endogoyi ye, newakubadde ekintu kyonna ekya muntu munno.
- 22 Ebigambo ebyo Mukama yabibuulira ekibiina kyammwe kyonna ku lusozi ng'ayima wakati mu muliro ne mu kire ne mu kizikiza ekikutte, n'eddoboozi ddene: n'atay-ongerako birala. N'abiwandiika ku bipande bibiri eby'amayinja n'agampa:
- 23 Awo olwatuuka, bwe mwawulira eddoboozi nga liva mu kizikiza wakati, olusozi nga lwaka omuliro, ne munsemerera, abakulu bonna ab'ebika byammwe, n'abakadde bammwe;
- 24 ne mwogera nti Laba, Mukama Katonda waffe atulaze ekitiibwa kye n'obukulu bwe, era tuwulidde eddoboozi lye nga liva mu muliro: wakati: tulabye leero nga Katonda ayogera n'omuntu n'aba mulamu:
- 25 Kale kaakano twandifiridde ki? kubanga omuliro guno omungi gunaatuzikiriza: bwe tunaawulira nate eddoboozi lya Mukama Katonda waffe, tunaafa.
- 26 Kubanga ani ku balina omubiri bonna eyali awulidde eddoboozi lya Katonda omulamu nga lyogera nga liva mu muliro wakati, nga ffe bwe tuwulidde, n'aba mulamu?
- 27 Ggwe sembera owulire byonna Mukama Katonda waffe by'anaayogera: olyoke otubu- ulire byonna Mukama Katonda waffe by'anaakubuulira; naffe tulibiwulira ne tubikola.
- 28 Mukama n'awulira eddoboozi ly'ebigambo byammwe bwe mwayogera nange; Mukama n'aamba nti Mpulidde eddoboozi ly'ebigambo by'abantu bano, bye bakubu- ulidde: boogedde bulungi byonna bye bagambye.
- 29 Singa mulimu omutima mu bo ogufaanana bwe guti n'okutya bandintidde ne beeku- umanga ebiragiro byange byonna ennaku zonna, balyoke balabe ebirungi n'abaana baabwe emirembe gyonna
- 30 Genda obagambe nti Muddeeyo mu weema zammwe.
- 31 Naye ggwe, yimirira wano we ndi; nange n'akubuulira ekiragiro kyonna n'amateeka n'emisango by'olibayigiriza, balyoke babikolenga mu nsi gye mbawa okugirya.
- 32 Kale munaakwatanga okukola nga Mukama Katonda wammwe bwe yabalagira: temukyamiranga ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono.
- 33 Munaatambuliranga mu kkubo lyonna Mukama Katonda wammwe lye yabalagira,

mulyoke mubenga abalamu, era mulabe ebirungi, era mumale ennaku nnyingi mu nsi gye mulirya.

Essuula 6

- 1 Kale kino kye kiragiwo, amateeka n'emisango, Mukama Katonda wammwe bye yalagira okubayigiriza, mulyoke mubikolenga mu nsi gye musomokera okugendamu okugirya:
- 2 otyenga Mukama Katonda wo, okwekuumanga amateeka ge gonna n'ebiragiwo bye bye nkulagira ggwe n'omwana wo n'omuzzukulu wo, ennaku zonna ez'obulamu bwo; era olyoke owangaale ennaku nnyingi.
- 3 Kale wulira, ggwe Isiraeri, okwatenga okukola kutyo; olabenga ebirungi, era mwale nnyo, nga Mukama Katonda wa bajajja bo bwe yakusuubiza, mu nsi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki.
- 4 Wulira, ggwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu:
- 5 era onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna.
- 6 Era ebigambo bino bye nkulagira leero binaabanga ku mutima gwo:
- 7 era onoonyiikiranga okubiyigiriza abaana bo, era onoobyogerangako bw'onootuulanga mu nnyumba yo, era bw'onootambuliranga mu kkubo, era bw'onoogalamiranga, era bw'onoogolokokanga:
- 8 Era onoobisibanga okuba akabonero ku mukono gwo, era binaabanga eby'oku kyenya wakati w'amaaso go.
- 9 Era onoobiwandiikanga ku mifubeeto gy'ennyumba yo, ne ku nzigi zo.
- 10 Awo olulituuka Mukama Katonda wo bw'alikuyingiza mu nsi gye yalayirira bajajja bo, Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo okugikuwa: ebibuga ebinene ebirungi by'otaazimba,
- 11 n'ennyumba ezijjula ebirungi byonna, z'otajjuza, n'ebidiba ebyasimibwa, by'otaasima, ensuku ez'emizabibu n'emizeyituuni gy'otaasimba, n'olya n'okkuta;
- 12 n'olyoka weekuuma olemenga okwerabira Mukama: eyakuggya mu nsi y'e Misiri; mu nnyumba y'obuddu.
- 13 Onootyanga Mukama Katonda wo; era oyo onoomuweerezanga, era erinnya lye ly'onoolayiranga.
- 14 Temugobereranga bakatonda balala, ku bakatonda ab'amawanga agabeetoolodde;
- 15 kubanga Mukama Katonda wo ali wakati wammwe ye Katonda ow'obuggya; obusungu bwa Mukama Katonda wo buleme okukubuubukirako, n'akuzikiriza okukuggya ku maaso g'ensi.
- 16 Temukemanga Mukama Katonda wammwe, nga bwe mwamukemera e Masa.
- 17 Munaanyiikiranga okwekuuma ebiragiwo bya Mukama Katonda wammwe n'ebyo bye yategeeza; n'amateeka ge, ge yakulagira:
- 18 Era onookolanga ekiri mu maaso ga Mukama ekituukirivu era ekirungi: olyoke olabenga ebirungi, era oyingire oye ensi ennungi Mukama gye yalayirira bajajja bo,
- 19 okugobamu abalabe bo bonna mu maaso go, nga Mukama bwe yayogera.
- 20 Omwana wo bw'akubuuzanga mu biro ebigenda okujja, ng'ayogera nti Ebyo bye yategeeza, n'amateeka, n'emisango Mukama Katonda waffe bye yabalagira; amakulu gaabyo ki?
- 21 n'olyoka ogamba omwana wo, nti Twali baddu ba Falaawo mu Misiri; Mukama n'atuggya mu Misiri n'engalo ez'amaanyi:
- 22 era Mukama n'alaga obubonero n'eby'amagero, ebinene era ebizibu, ku Misiri, ku Falaawo, ne ku nnyumba ye yonna, mu maaso gaffe:

- 23 n'atuggya omwo, alyoke atuyingize, okutuwa ensi gye yalayirira bajjajja baffe.
- 24 Era Mukama n'atulagira okukolanga amateeka ago gonna, okutyanga Mukama Katonda waffe, olw'obulungi bwaffe ennaku zonna, alyoke atukuumenga tuleme okufa, nga leero.
- 25 Era kinaabanga butuukirivu gye tuli, bwe tunaakwatanga okukola ekiragiyo kino kyonna mu maaso ga Mukama Katonda waffe nga bwe yatulagira.

Essuula 7

- 1 Mukama Katonda wo bw'alikuyingiza mu nsi gy'ogenda okulya, n'asimbula mu maaso go amawanga mangi, Omukiiti, n'Omugirugaasi, n'Omwamoli, n'Omukanani; n'Omuperizi, n'Omukiivi, n'Omuyebusi, amawanga musanvu agakusinga obukulu n'amaanyi;
- 2 era Mukama Katonda wo bw'alibagabula mu maaso go, naawe n'obatta; n'olyoka obazikiririza ddala; tolagaananga nabo ndagaano yonna, so tobalaganga kisa:
- 3 so tofumbiriganwanga nabo; muwala wo tomuwanga mutabani we, so ne muwala we tomuwasisizanga mutabani wo.
- 4 Kubanga alikyusa mutabani wo obutangoberera, baweerezenga bakatonda abalala: obusungu bwa Mukama bulibuubuuka bwe butyo ku mmwe, era alikuzikiriza mangu.
- 5 Naye bwe muti bwe munaabakolanga; munaamenyaamenyanga ebyoto byabwe, mu naabetentanga n'empagi zaabwe, munaatemaatemanga ne Baasera baabwe, n'ebifaananyi byabwe ebyole munaabyokyanga omuliro.
- 6 Kubanga gw'oli ggwanga ttukuvu eri Mukama Katonda wo: Mukama Katonda wo yakulonda okuba eggwanga ery'envuma gy'ali, okusinga amawanga gonna agali ku maaso g'ensi.
- 7 Mukama teyabassaako kwagala kwe, so teyabalonda, kubanga mwasinga eggwanga lyonna obungi; kubanga mwali batono okusinga amawanga gonna:
- 8 naye kubanga Mukama abaagala, era kubanga ayagala okukwata ekiragiyo kye yalayirira bajjajja bammwe, Mukama kyeyava abaggyamu n'engalo ez'amaanyi, n'abanunula mu nnyumba y'obuddu, mu mukono gwa Falaawo kabaka w'e Misiri.
- 9 Kale manya nga Mukama Katonda wo ye Katonda; Katonda omwesigwa, akwata endagaano n'okusaasira eri abo abamwagala ne beekuuma ebiragiyo bye okutuusa emirembe olukumi;
- 10 asasula abo abamukyawa ng'alabagana n'amaaso, okubazikiriza: taddirirenga eri oyo amukyawa, naye anaamusasulanga ng'alabagana n'amaaso.
- 11 Kale oneekuumanga ekiragiyo ekyo, n'amateeka, n'emisango, bye nkulagira leero, okubikolanga.
- 12 Awo olulituuka kubanga muwulira emisango gino; ne mugikwata, ne mugikola; Mukama Katonda wo anaakukwatiranga endagaano n'okusaasira bye yalayirira bajjajja bo:
- 13 era anaakwagalanga anaakuwanga omukisa, anaakwazanga: era anaawanga omukisa ebibala by'omubiri gwo n'ebibala by'ettaka lyo, eaano yo envinnyo yo n'amafuta go, ezzadde ly'ente zo n'abaana b'embuzi zo, mu nsi gye yalayirira bajjajja bo okukuwa.
- 14 Onoobanga n'omukisa okusinga amawanga gonna: tewaabenga mugumba mu mmwe newakubadde omusajja newakubadde omukazi, newakubadde mu bisibo byo.
- 15 Era Mukama anaakuggyangako obulwadde bwonna; so taakussengako n'emu ku ndwadde embi ez'e Misiri, z'omanyi; naye anaazissanga ku abo bonna abakukyawa.
- 16 Era onoozikirizanga amawanga gonna Mukama Katonda wo g'anaakugabulanga; amaaso go tegaabasaasirenga: so toweerezanga bakatonda baabwe; kubanga ekyo kinaabanga kyambika gy'oli.

- 17 Bw'onooyogeranga m mutima gwo nti Amawanga gano gansinga obungi; nnyinza ntya okubanyaga?
- 18 tobatyanga; onojjukiriranga ddala Mukama Katonda wo bwe yakola Falaawo, ne Misiri yonna;
- 19 okukemebwa okunene amaaso go kwe gaalaba, n'obubonero, n'eby'amagero, n'engalo ez'amaanyi, n'omukono ogwagololwa Mukama Katonda wo bye yakuggisaamu: bw'atyo Mukama Katonda wo bw'anaakolanga amawanga gonna g'otya.
- 20 Era Mukama Katonda wo anaatumanga mu bo ennumba okutuusa abo abalisigalawo ne beekweka lwe balizikirira mu maaso ge.
- 21 Tobatekemukiranga: kubanga Mukama Katonda wo ali wakati wo, Katonda omukulu era ow'entiisa.
- 22 Era Mukama Katonda wo anaasimbulanga amawanga gali mu maaso go kinnalimu; toliyinza kubamalawo mulundi gumu, ensolo ez'omu nsiko zireme okweyongera okukuyinga.
- 23 Naye Mukama Katonda wo anaabagabulanga mu maaso go; era anaabeeraliikirizanga okweraliikirira okungi, okutuusa lwe balizikirira.
- 24 Era anaagabulanga bakabaka baabwe mu mukono gwo, era onoozikirizanga erinnya lyabwe okuva wansi w'eggulu: tewaabenga muntu anaayinzanga okuyimirira mu maaso go, okutuusa lw'olibazikiriza.
- 25 Ebifaananyi ebyole ebya bakatonda baabwe munaabyokya omuliro: teweegombanga ffeeza newakubadde zaabu ebiriko, so teweetwaliranga, oleme okutegebwa mu ebyo: kubanga mizizo eri Mukama Katonda wo:
- 26 so toleetanga kintu kya muzizo mu nnyumba yo, naawe n'ofuuka ekyakolimirwa okufaanana nga kyo: onookikyayiranga ddala, era onookitamirwanga ddala; kubanga kiatu ekyakolimirwa.

Essuula 8

- 1 Ekiragiro kyonna kye nkulagira leero munaakikwatanga okukikola, mulyoke mubenga abalamu, mwalenga, muyingire mulye ensi Mukama gye yalayirira bajajja bammwe.
- 2 Era onojjukiranga olugendo lwonna Mukama Katonda wo lwe yakutambuliza emyaka gino amakumi ana mu ddungu, akutoowaze, akukeme, okumanya ebyali mu mutima gwo, oba ng'ogenda okwekuumanga ebiragiro bye oba si weewaawo.
- 3 N'akutoowaza, n'akulumya enjala, n'akuliisa emmaanu, gye wali tomanyi, so ne bajajja bo tebagimanyanga; akutegeeze ng'omuntu taba mulamu na mmere yokka, naye olwa buli ekiva mu kamwa ka Mukama omuntu kyava aba omulamu.
- 4 Ebyambalo byo tebyakaddiyiranga ku ggwe, so n'ekigere kyo tekyazimbanga, emyaka gino amakumi ana.
- 5 Era onoolowoozanga mu mutima gwo ng'omuntu nga bw'akangavvula omwana we, bw'atyo Mukama Katonda wo bw'akukangavvula ggwe.
- 6 Era oneekuumanga ebiragiro bya Mukama Katonda wo, okutambuliranga mu makubo ge, n'okumutyanga.
- 7 Kubanga Mukama Katonda wo akuyingiza mu nsi ennungi, ensi ey'emigga gy'amazzi, ey'enzizi n'ebidiba, agakulukutira mu biwonvu ne ku nsozi;
- 8 ensi ey'eaano ne sayiri; n'emizabbibu n'emitiini n'emikomamawanga;
- 9 ensi mw'onooliiranga emmere n'etebula, toobengako ky'obulwa omwo; ensi amayinja gaayo kyuma, ne mu nsozi zaayo oyinza okusima ebikomo.
- 10 Era onoolyaaga n'okkuta, ne weebaza Mukama Katonda wo olw'ensi ennungi gye yakuwa.
- 11 Weekuumenga oleme okwerabira Mukama Katonda wo, obuteekuumanga biragiro bye

n'emisango gye n'amateeka ge bye nkulagira leero:

- 12 bw'onoomalanga okulya n'okkuta, era ng'omaze okuzimba ennyumba ennungi n'okutuula omwo;
- 13 era ente zo n'embuzi zo nga zaaze, n'effeeza yo ne zaabu yo nga zaaze, ne byonna by'olina nga byaze;
- 14 kale omutima gwo gulemenga okugulumizibwa, ne weerabira Mukama Katonda wo, ayakuggya mu nsi y'e Misiri, mu nnyumba y'obuddu;
- 15 ayakuyisa mu ddungu eddene era ery'entiisa, omwali emisota egy'omuliro n'enjaba ez'obusagwa, n'ettaka erirumwa ennyonta awatali mazzi; ayakuggira amazzi mu lwazi olw'embaalebaale;
- 16 ayakuliisiza mu ddungu emmaanu, bajjajja bo gye batamanyanga; akutoowaze, akukeme, akukole bulungi ku nkomerero yo;
- 17 era olemenga okwogera mu mutima gwo nti Obuyinza bwange n'amaanyi g'omukono gwange bye binfunidde obugagga buno.
- 18 Naye onojjukiraaga Mukama Katonda wo, kubanga oyo yakuwa obuyinza okufuna obugagga; anyweze endagaano ye gye yalayirira bajjajja bo, nga leero.
- 19 Awo olunaatuukanga, bw'oneerabiranga Mukama Katonda wo n'ogoberera bakatonda abalala n'obaweereza n'obasinza, mbategeeza leero nga temuulemenga kuzikirira.
- 20 Ng'amawanga Mukama g'azikiriza mu maaso gammwe, bwe munaazikiriranga bwe mutyo; kubanga temwakkiriza kuwulira ddooboozi lya Mukama Katonda wammwe.

Essuula 9

- 1 Wulira, ggwe Isiraeri: oghenda okusomoka Yoludaani leero, okuyingira okulya amawanga agakusinga obunene n'amaanyi, ebuga ebinene ebyazimbibwako ebigo okutuuka mu ggulu,
- 2 abantu abanene abawanvu, abaana b'Anaki, b'omanyi, era be wawulirako nga bagamba nti Ani ayinza okuyimirira mu maaso g'abaana ba Anaki?
- 3 Kale manya leero nga Mukama Katonda wo ye wuuyo asomoka okukukulembera ng'omuliro ogwokya; ye alibazikiriza, era alibamegga mu maaso go: bw'otyo bw'olibagobamu, n'obazikiriza mangu, nga Mukama bwe yakugamba.
- 4 Toyogeranga mu mutima gwo, Mukama Katonda wo bw'alimala okubasindika mu maaso go, ng'ogamba nu Olw'obutuukirivu bwange Mukama kyavudde annyingiza okulya ensi eno: kubanga olw'obubi bw'amawanga ago Mukama kyava agagoba mu maaso go.
- 5 Si lwa butuukirivu bwo so si lwa bugolokofu bwa mutima gwo, kyova oyingira okulya ensi yaabwe: naye olw'obubi bw'amawanga ago Mukama Katonda wo kyava agagoba mu maaso go, era alyoke anyweze ekigambo Mukama kye yalayirira bajjajja bo, Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo.
- 6 Kale manya nga Mukama Katonda wo takuwa nsi eno nnungi okugirya lwa butuukirivu bwo; kubanga oli ggwanga eririna ensingo enkakanyavu.
- 7 Jjukira teweerabiranga bwe wasunguwaza Mukama Katonda wo mu ddungu: okuva ku lunaku lwe waviiramu mu nsi y'e Misiri okutuusa lwe mwajja mu kifo kino; mujeemera Mukama.
- 8 Era ne ku Kolebu mwasunguwaza Mukama, Mukama n'abanyigira okubazikiriza.
- 9 Bwe nnali nga mmaze okulinnya ku lusozi okuweebwa ebipande eby'amayinja, bye bipande eby'endagaano Mukama gye yalagaana nammwe, ne ndyoka mmala ku lusozi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro; saalyanga mmere so saanywanga mazzi.
- 10 Mukama n'ampa ebipande bibiri eby'amayinja ebyawandiikibwako n'engalo ya Katonda; era ku byo kwawandiikibwa ng'ebigambo byonna bwe biri, Mukama bye

yayogera nammwe ku lusozi ng'ayima wakati mu muliro ku lunaku olw'okukuaanirako.

- 11 Awo olwatuuka ennaku amakumi ana bwe zaayitawo emisana n'ekiro, Mukama n'ampa ebipande ebibiri eby'amayinja, bye bipande eby'endagaano.
- 12 Mukama n'aamba nti Golokoka ove wano oserengete mangu: kubanga abantu bo be waggya mu Misiri beeyoononye; bakyamyemangu okuva mu kkubo lye nnabalagira; beekoledde ekifaanaayi ekisaanuuse.
- 13 Era Mukama ne yeeyogera n'aamba nti Ndabye eggwanga lino, era, laba, lye ggwanga eririna ensingo enkakanyavu:
- 14 ndeka mbazikirize, nsangule erinnya lyabwe wansi w'eggulu: era ndifuula ggwe eggwanga eribasinga amaanyi n'obukulu.
- 15 Awo ne nkyuka ne nva ku lusozi, era olusozi nga lwaka omuliro: n'ebipande eby'endagaano byombi nga biri mu mikono gyange gyombi.
- 16 Ne ntunula, era, laba, mwali mumaze okusobya ku Mukama Katonda wammwe; mwali mumaze okwekolera ennyana ensaanuuse: mwali mumaze okukyama amangu okuva mu kkubo Mukama lye yabalagira.
- 17 Ne nkwata ebipande byombi, ne mbisuula mu mikono gyange gyombi, ne mbimenya mu maaso gammwe.
- 18 Ne nvuunamira mu maaso ga Mukama, ng'olubereberye, ennaku amakumi ana emisana n'ekiro; saalyanga mmere so saanywanga mazzi; olw'okwonoona kwammwe kwonna kwe mwayonoona, nga mukola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi okumusunguwaza.
- 19 Kubanga natya obusungu n'ekiruyi, Mukama bwe yali abasunguwalidde okubazikiriza. Naye Mukama n'ampulira n'omulundi guli.
- 20 Mukama n'asunguwalira nnyo Alooni okumuzikiriza: era ne nsabira ne Alooni mu biro ebyo.
- 21 Ne nzirira ekibi kyammwe, ennyana gye mwali mukoze, ne ngyokya omuliro, ne ngisambirira, nga ngisekulasekula nnyo, okutuusa lwe yafaanana ng'enfuufu: ne nsuula enfuufu yaayo mu kagga akaserengeta okuva ku lusozi.
- 22 Era e Tabera, n'e Masa, n'e Kiberosukataava mwasunguwalizaayo Mukama.
- 23 Awo Mukama bwe yabatuma okuva e Kadesubanea, ng'ayogera nti Mwambuke mulye ensi gye mbawadde; ne mulyoka mujeemera ekiragiyo kya Mukama Katonda wammwe, so temwamukkiriza, so temwawulira ddooboozi lye.
- 24 Mujeemera Mukama okuva ku lunaku lwe nnabamanya.
- 25 Awo ne nvuunamira mu maaso ga Mukama ennaku amakumi ana emisana n'ekiro ze nnavuunamirira; kubanga Mukama yali ayogedde ng'agenda okubazikiriza.
- 26 Ne nsaba Mukama ne njogera nti Ai Mukama Katonda, tozikiriza bantu bo na busika bwo, be wanunula olw'obukulu bwo, be waggya mu Misiri n'engalo ez'amaanyi.
- 27 Jjukira abaddu bo, Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo; totunuulira bukakanyavu bwa bantu bano newakubadde obubi bwabwe newakubadde okwonoona kwabwe:
- 28 ensi gye watuggyamu ereme okwogera nti Kubanga Mukama teyayinza kubaleeta: mu nsi gye yabasuubiza; era kubanga yabakyawa, kyeyava abafulumya mu ddungu okubatta.
- 29 Naye be bantu bo, era bwe busika bwo, be waggyamu n'obuyinza bwo obungi n'omukono gwo ogwagololwa.

Essuula 10

- 1 Mu biro ebyo Mukama n'aamba nti Weetemere ebipande bibiri eby'amayinja ebi-faanana ng'eby'olubereberye, olinnye gye ndi ku lusozi, weekolere essanduuko

ey'omuti.

- 2 Era nnaawandiika ku bipande ebigambo ebyali ku bipande eby'olubereberye bye wamenya, era onoobiteeka mu ssanduuko.
- 3 Awo ne nkola essanduuko ey'omuti gwa sita, ne ntema ebipande bibiri eby'amayinja ebifaanana ng'eby'olubereberye, ne nninnya ku lusozi, nga nkutte ebipande ebibiri mu ngalo zange.
- 4 N'awandiika ku bipande, ng'okuwandiika okw'olubereberye bwe kwali, amateeka ekkumi, Mukama ge yababuulira ku lusozi ng'ayima wakati mu muliro ku lunaku olw'okukuaanirako Mukama n'abimpa.
- 5 Ne nkyuka ne nva ku lusozi, ne nteeka ebipande mu ssanduuko, gye nnali nkoze; era biri omwo, nga Mukama bwe yandagira.
- 6 (Abaana ba Isiraeri ne batambula okuva e Beerosubeneyaakani okutuuka e Mosera: Aloon n'afiira eyo, era eye gye yaziikibwa; Eriyazaali mutabani we n'aweerezanga mu bwakabona mu kifo kye.
- 7 Ne bavaayo ne batambula okutuuka e Gudugoda; ne bava e Gudugoda ne batambula okutuuka e Yotubasa, ensi ey'emigga egy'amazzi.
- 8 Mu biro ebyo Mukama n'ayawula ekika kya Leevi, okusitulanga essanduuko ey'enda-gaano ya Mukama, okuyimirira mu maaso ga Mukama, okumuweerezanga, n'okwe-bazanga erinnya lye, ne leero.
- 9 Leevi kyava alema okuba n'omugabo newakubadde obusika awamu ne baganda be; Mukama bwe busika bwe, nga Mukama Katonda we bwe yamugamba.)
- 10 Ne mmala ennaku amakumi ana emisana n'ekiro ku lusozi, ng'omulundi ogw'olubereberye: Mukama n'ampulira n'omulundi ogwo; Mukama nga tagenda kukuzikiriza.
- 11 Mukama n'aamba nti Golokoka, otambule ku lugendo lwo ng'okulembera abantu; era baliyingira balirya ensi gye nnalayirira bajjajja baabwe okubawa:
- 12 Ne kaakano, Isiraeri, Mukama Katonda wo akwagaza ki wabula okutyanga Mukama Katonda wo, okutambuliranga mu makubo ge gonna, n'okumwagala, n'okuweereza Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna,
- 13 okwekuumanga ebiragiro bya Mukama n'amateeka ge, bwe nkulagira leero olw'obulungi bwo?
- 14 Laba, Mukama Katonda wo ye nnannyini ggulu, n'eggulu erya waggulu, ensi era n'ebigirimu byonna.
- 15 Mukama yasanyukira busanyukizi bajjajja be okubaagala, n'alonda ezzadde lyabwe eryaddawo, ye mmwe okusinga amawanga gonna, nga leero.
- 16 Kale mukomole ekikuta ky'omutima gwammwe, so temubanga nate ba nsingo nkakanyavu.
- 17 Kubanga Mukama Katonda wammwe ye Katonda wa bakatonda era Mukama w'abaami, Katonda omukulu, ow'amaanyi era ow'entiisa, atatya maaso ga bantu, so talya nguzi.
- 18 Asalira omusango mulekwa ne nnamwandu, era ayagala munnaggwanga, ng'amuwa eby'okulya n'eby'okwambala.
- 19 Kale mwagalenga munnaggwanga: kubanga mwali bannaggwanga mu nsi y'e Misiri.
- 20 Onootyanga Mukama Katonda wo; eyo gw'onooweerezanga; era eyo gw'oneegattanga naye, n'erinnya lye ly'onoolayiranga.
- 21 Oyo lye ttendo lyo, era ye Katonda wo, eyakukolera ebyo ebikulu era eby'entiisa, amaaso go bye gaalaba.
- 22 Bajjajja bo baaserengeta mu Misiri nga bali abantu nsanvu; ne kaakano Mukama Katonda wo akufudde ng'emmyeene ez'omu ggulu olw'obungi.

Essuula 11

- 1 Kale onooyagalanga Mukama Katonda wo, ne weekuuma bye yakuutira n'amateeka ge n'emisango gye n'ebiragiwo bye ennaku zonna.
- 2 Era mumanye leero: kubanga soogera na baana bammwe abatannamanya era abatanalaba kukangavvula kwa Mukama Katonda wammwe, obukulu bwe, engalo ze ez'amaanyi, n'omukono gwe ogwagololwa,
- 3 n'obubonero bwe, n'emirimu gye, bye yakolera wakati mu Misiri Falaawo kabaka w'e Misiri n'ensi ye yonna;
- 4 era kye yakolera eggye ery'e Misiri; embalaasi zaabwe n'amagaali gaabwe; bwe yabakulukusizaako amazzi ag'Ennyanja Emmyufu bwe baali nga babagoberera, era Mukama bwe yabazikiriza okutuusa leero;
- 5 era bye yabakolera mu ddungu okutuusa lwe mwajja mu kifo kino;
- 6 era kye yakola Dasani ne Abiramu, abaana ba Eriyaabu, omwana wa Lewubeeni; ensi bwe yayasanya akamwa kaayo, n'ebamira bugobo, n'ab'omu nnyumba zaabwe, n'eweema zaabwe na buli kintu kiramu ekyabagoberera, wakati mu Isiraeri yenna:
- 7 naye amaaso gammwe gaalabanga omulimu gwonna omukulu ogwa Mukama gwe yakola.
- 8 Kale muneekuumanga ekiragiwo kyonna kye nkulagira leero, mulyoke mube n'amaanyi, musingire mulye ensi gye musomokera okugendamu okugirya;
- 9 era mulyoke mumale ennaku nnyingi ku nsi, Mukama gye yalayirira bajjajja bammwe okugibawa n'ezzadde lyabwe, ensi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki.
- 10 Kubanga ensi gy'oyingiramu okugirya, tefaanana ng'ensi y'e Misiri mwe mwava, mwe wasigiranga ensigo zo n'ogifukirira amazzi n'ekigere kyo, ng'ennimiro y'enva:
- 11 nate ensi gye musomokera okugendamu okugirya ye asi ey'ebiwonvu n'ensozi, enywa amazzi ag'enkuba eva mu ggulu:
- 12 ensi Mukama Katonda wo gy'ayagala; amaaso ga Mukama Katonda wo gaba ku yo ennaku zonna, okuva omwaka we gusookera okutuusa ku nkomerero ya gwo.
- 13 Awo olunaatuukanga bwe munaanyiikiranga okuwulira ebigambo byange bye mbalagira leero, okwagala Mukama Katonda wammwe, n'okumuweereza n'omutima gwammwe gwonna n'emmeeme yammwe yonna,
- 14 naatonnyesanga enkuba y'ensi yammwe mu ntuuko zaayo, enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo, okungulenga eaano yo n'envinnyo yo n'amafuta go.
- 15 Era naawanga omuddo mu nnimiro zo olw'ebisibo byo era onoolyanga n'okkuta.
- 16 Mwekuumenga omutima gwammwe guleme okulimbibwa, ne mukyama, ne muweereza bakatonda abalala, ne mubasinza;
- 17 obusungu bwa Mukama ne bubabuubuukirako, n'aggalawo eggulu, enkuba obutatonnyanga, n'ensi obutabalanga bibala byayo; ne muzikirira mangu okuva ku nsi ennungi Mukama gy'abawa.
- 18 Kale mutereke, ebigambo byange ebyo mu mutima gwammwe ne mu mmeeme yammwe; era munaabisibanga okuba akabonero ku mikono gyammwe, era binaabanga eby'oku kyenye, wakati w'amaaso gammwe.
- 19 Era munaabiyigirizanga, abaana bammwe nga mubinyumya, bw'onootuulanga mu nnyumba yo, era bw'onootambuliranga mu kkubo, era bw'onooalamiranga, era bw'onoogolokokanga.
- 20 Era onoobiwandiikanga ku mifubeeto gy'ennyumba yo ne ku nzigi zo:
- 21 ennaku zammwe zeeyongerenga, n'ennaku ez'abaana bammwe, ku nsi Mukama gye yalayirira bajjajja bammwe okubawa, ng'ennaku ez'eggulu eriri waggulu w'ensi.
- 22 Kubanga bwe munaanyiikiranga okwekuuma ekiragiwo kino kyonna kye mbalagira, okukikola; okwagalanga Mukama Katonda wammwe, okutambuliranga mu makubo ge

- gonna, n'okwegatta naye;
- 23 Mukama anaagobangamu amawanga gano gonna mu maaso gammwe, mmwe ne mulya amawanga agabasinga obunene n'amaanyi.
 - 24 Buli kifo ekinaalinnyibwangamu ekigere kyammwe kinaabanga kyammwe: okuva ku ddungu ne Lebanoni, okuva ku mugga; omugga Fulaati, okutuuka ku nnyanja ey'omu mabega we wanaabanga ensalo yammwe.
 - 25 Tewaliba muntu aliyinza okuyimirira mu maaso gammwe; Mukama Katonda wammwe anaateekanga ekitiibwa kyammwe n'entiisa yammwe ku nsi yonna kwe munaalinnyanga, nga bwe yabagamba.
 - 26 Laba, leero nteeka mu maaso gammwe omukisa n'okukolimirwa;
 - 27 omukisa bwe munaawuliranga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe, bye mbalagira leero:
 - 28 n'okukolimirwa, bwe mutaawulirenga biragiro bya Mukama Katonda wammwe, naye ne mukyama okuva mu kkubo lye mbalagira leero, okugoberera bakatonda abalala be mutamanyanga.
 - 29 Awo olulituuka Mukama Katonda wo bw'alikuyingiza mu nsi gy'ogendamu okugirya, oliteeka omukisa ogwo ku lusozi Gerizimu, n'okukolimirwa okwo ku lusozi Ebali.
 - 30 Ezo teziri mitala wa Yoludaani, ennyuma w'ekkubo ery'ebugwanjuba, mu nsi ey'Abakanani abatuula mu Alaba, ekyolekera Girugaali, ku mabbali g'emyera gya Mole?
 - 31 Kubanga mugenda okusomoka Yoludaani okuyingira okulya ensi Mukama Katonda wammwe gy'abawa, era muligirya, ne mutuula omwo.
 - 32 Era munaakwatanga okukola amateeka gonna n'emisango bye nteeka mu maaso gammwe leero.

Essuula 12

- 1 Gano ge mateeka n'emisango, bye munaakwatanga okukola mu nsi Mukama Katonda wa bajjajja bo gye yakuwa okugirya, ennaku zonna ze munaabeererangamu abalamu ku nsi.
- 2 Temulirema kuzikiriza bifo byonna amawanga ge mulirya mwe baaweererezanga bakatonda baabwe, ku nsozi empanvu, ne ku busozi, ne wansi wa buli muti omubisi:
- 3 era munaasuulanga ebyoto byabwe, era munaamenyaamenyanga empagi zaabwe, era munaayokyanga Abaasera baabwe n'omuliro; era munaatematemanga ebifaananyi ebyole ebya bakatonda baabwe; era mulizikiriza erinnya lyabwe mu kifo omwo.
- 4 Temukolanga bwe mutyo Mukama Katonda wammwe.
- 5 Naye mu kifo Mukama Katonda wammwe ky'alayeroboza mu bika byammwe byonna okuteeka omwo erinnya lye, kye kifo mw'atuula, munaanoonyangayo, era onojjan-gayo;
- 6 era munaaleetanga eyo ebyo bye muwaayo ebyokebwa, ssaddaaka zammwe, n'ebitundu byammwe eby'ekkumi, n'ekiweebwayo ekisitulibwa eky'omukono gwammwe, n'obweyamo bwammwe, n'ebyo bye muwaayo ku bwammwe, era n'ebibereberye by'ente zammwe n'eby'endiga zammwe:
- 7 era munaaliiranga eyo mu maaso ga Mukama Katonda wammwe, era munaasanyukiranga ebyo byonna bye munassangako emikono gyammwe, mmwe n'ab'omu nnyumba zammwe, Mukama Katonda wo mwe yakuweera omukisa.
- 8 Temukolanga ng'ebyo byonna bwe biri bye tukola wano leero, buli muntu ekiri mu maaso ge ekirungi;
- 9 kubanga temunnatuuka mu kuwummula ne mu busika Mukama Katonda wammwe bw'akuwa.

- 10 Naye bwe mulisomoka Yoludaani ne mutuula mu nsi Mukama Katonda wammwe gy'abasisa, n'abawa okuwummula eri abalabe bammwe bonna abanaabeetooloolanga n'okutuula ne mutuula mirembe;
- 11 awo olulituuka mu kifo Mukama Katonda wammwe ky'alyeroboza okutuuzza omwo erinnya lye, munaaleetanga eyo byonna bye mbalagira, ebyo bye muwaayo ebyokebwa, ne ssaddaaka zammwe, ebitundu byammwe eby'ekkumi, n'ekiweebwayo ekisitulibwa eky'omukono gwammwe, n'obweyamo bwonna obusinga obulungi bwe mweyama Mukama:
- 12 era munaasanyukiranga mu maaso ga Mukama Katonda wammwe, mmwe ne batabani bammwe ne bawala bammwe n'abaddu bammwe n'abazaana bammwe n'Omuleevi ali munda w'enzigi zammwe, kubanga talina mugabo newakubadde obusika wamu nammwe.
- 13 Weekuumenga oleme okuweerayo ebyo bye muwaayo ebyokebwa mu buli kifo ky'olaba:
- 14 naye mu kifo Mukama ky'alyeroboza mu kimu ku bika byammwe; eyo gy'onooweranga ebyo bw'owaayo ebyokebwa era eyo gy'onookoleranga byonna bye nkulagira.
- 15 Naye oyinza okutta ennyama n'okugirya munda w'enzigi zo zonna, ng'okwagala kwonna okw'emmeeme yo bwe kunaabanga, ng'omukisa gwa Mukama Katonda wo gwe yakuwa: abatali balongoofu n'abalongoofu bayinza okugiryako, nga bwe balya ku mpeewo ne ku njaza.
- 16 Kyokka temulyanga ku musaayi; onoogufukanga ku ttaka ng'amazzi:
- 17 Toliiranga munda w'enzigi zo kitundu eky'ekkumi eky'eaano yo, newakubadde eky'envinnyo yo, newakubadde eky'amafuta go, newakubadde ebibereberye by'ente zo newakubadde eby'endiga zo, newakubadde ekintu kyonna ku ebyo bye weyama, newakubadde ebyo by'owaayo ku bubwo, newakubadde ekiweebwayo ekisitulibwa eky'omukono gwo:
- 18 naye onoobiriiranga mu maaso ga Mukama Katonda wo mu kifo Mukama Katonda wo ky'alyeroboza, ggwe ne mutabani wo ne muwala wo n'omuuddu wo n'omuzaana wo n'Omuleevi ali munda w'enzigi zo: era onoosanyukiranga ebyo byonna by'onossangako omukono gwo mu maaso ga Mukama Katonda wo.
- 19 Weekuumenga oleme okwabulira Omuleevi ennaku zonna z'onoobeerangamu omulamu ku nsi yo.
- 20 Mukama Katonda wo bw'aligaziya ensalo yo, nga bwe yakusuubiza, naawe n'oyogera nti Naalya ennyama, kubanga emmeeme yo eyagala okulya ennyama; oyinza okulya ennyama, ng'okwagala kwonna okw'emmeeme yo bwe kuli.
- 21 Oba ng'ekifo Mukama Katonda wo ky'alyeroboza okuteeka omwo erinnya lye kiriyinga okukuba ewala, onottanga ku nte zo ne ku mbuzi zo, Mukama ze yakuwa, nga bwe nnakulagira, era onooliiranga munda w'enzigi zo, ng'okwagala kwonna okw'emmeeme yo bwe kunaabanga.
- 22 Ng'empeewo n'enjaza bwe ziriibwa, bw'otyo bw'onoogiryangako: atali mulongoofu n'omulongoofu banaagiryangako okwenkanankana:
- 23 Kyokka weetegereze olemenga okulya ku musaayi: kubanga omusaayi bwe bulamu; so toliiranga bulamu wamu n'ennyama.
- 24 Togulyanga; onoogufukanga ku ttaka ng'amazzi.
- 25 Togulyanga; olyoke olabenga ebirungi n'abaana bo abaliddawo, bw'onookolanga ekiri mu maaso ga Mukama ekirungi.
- 26 Kyokka ebitukuvu byo by'olina n'obweyamo bwo onoobiddiranga n'oyingira mu kifo Mukama ky'alyeroboza;
- 27 era onoowerangayo ebyo by'owaayo ebyokebwa; ennyama n'omusaayi, ku kyoto kya

Mukama Katonda wo: era omusaayi gwa ssaddaaka zo gunaafukibwanga ku kyoto kya Mukama Katonda wo; naawe onoolyanga ennyama.

- 28 Kwata owulirenga ebigambo ebyo byonna bye nkulagira; olyoke olabenga ebirungi n'abaana bo abaliddawo emirembe gyonna, bw'onookolanga ekiri mu maaso ga Mukama Katonda wo ekirungi era eky'ensonga;
- 29 Mukama Katonda wo bw'alizikiriza amawanga mu maaso go, gy'oyingira okugalya, n'ogalya, n'otuula mu nsi yaabwe;
- 30 weekuumenga oleme okutegebwa okugagoberera, bwe galimala okuzikirira mu maaso go; era olemenga okubuuza ebya bakatonda baabwe ng'oyogera nti Amawanga gano gaweereza gaty'a bakatonda baabwe? era nange bwe nnaakolanga bwe ntyo.
- 31 Tokolanga bw'otyo Mukama Katonda wo: kubanga buli kigambo Mukama ky'ayita eky'omuzizo ky'akyawa bali baakikolanga bakatonda baabwe: kubanga ne batabani baabwe ne bawala baabwe baabookyanga omuliro eri bakatonda baabwe.
- 32 Buli kigambo kye mbalagira munaakikwatanga okukola: tokyongerangako, so tok-isalangako.

Essuula 13

- 1 Bwe wanaabangawo wakati mu ggwe nabbi oba omuloosi w'ebirooto, n'akuwa akabonero oba eky'amagero,
- 2 akabonero ako oba eky'amagero ekyo ne kituukirira, kye yakugambako ng'ayogera nti Tugobererenga bakatonda abalala b'otomanyanga, era tubaweerezenga;
- 3 towuliranga bigambo bya nabbi oyo oba omuloosi w'ebirooto oyo: kubanga Mukama Katonda wammwe ng'abakema okumanya nga mwagala Mukama Katonda wammwe n'omutima gwammwe gwonna n'emmeeme yammwe yonna.
- 4 Munaatambulanga okugoberera Mukama Katonda wammwe ne mwekuumanga ebiragi byo ne muwuliranga eddoboosi lye, era munaamuweerezaaga, ne mwegattanga naye.
- 5 Era nabbi oyo oba omuloosi w'ebirooto anattibwanga; kubanga ayogedde eby'okujeemera Mukama Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri, n'akununula mu nnyumba y'obuddu, okukusendasenda okukyama okuva mu kkubo Mukama Katonda wo lye yakulagira okutambulirangamu. Bw'otyo bw'onoggyangamu obubi wakati mu ggwe.
- 6 Muganda wo, mutabani wa nnyoko, oba mutabani wo, oba muwala wo, oba omukazi ow'omu kifuba kyo, oba mukwano gwo, alianga obulamu bwo ggwe, bw'akusendasendanga ekyama, ng'ayogera nti Tugende tuweereze bakatonda abalala, b'otomanyanga ggwe newakubadde bajjajja bo;
- 7 ku bakatonda ab'amawanga ababeetoolodde, abali okumpi naawe, oba abakuli ewala okuva ku nkomerero y'ensi okutuuka ku nkomerero y'ensi:
- 8 tomukkirizanga so tomuwuliranga; so n'eriiso lyo terimusaasiranga, so tosonyiwanga, so tomukwekanga:
- 9 naye tolemanga kumutta; omukono gwo gwe gunaasookanga okuba ku ye okumutta, omukono gw'abantu bonna ne gulyoka gumubaako.
- 10 Era onoomukubanga amayinja afe; kubanga agezezzaako okukusendasenda okuva ku Mukama Katonda wo, eyakuggya mu nsi y'e Misiri, mu nnyumba y'obuddu.
- 11 Ne Isiraeri yenna anaawuliranga, ne batya, ne batakola nate bubu obwenkana awo wakati mu ggwe,
- 12 Bw'onoolwuliranga nga boogera ku kimu ku bibuga byo, Mukama Katonda wo by'akuwa okutuula omwo, nga bagamba nti
- 13 Waliwo abantu abataliiko kye bagasa abavudde wakati mu ggwe, era abasenzesenze

abatuula mu kibuga kyabwe, nga boogera nti Tugende tuweereze bakatonda abalala be mutamanyanga;

- 14 onookeberanga n'onoonya n'obuuliriza; era laba, oba nga kya mazima, ekigambo ne kitegeerekeka, ng'eky'omuzizo ekyenkana awo kikolerwa wakati mu ggwe;
- 15 tolemanga kutta abatuula mu kibuga omwo n'obwogi bw'ekitala, ng'okizikiririza ddala ne byonna ebikirimu n'ebisibo byakyo, n'obwogi bw'ekitala.
- 16 Era onookuaanyanga omunyago gwakyo gwonna wakati mu luguudo lwakyo, n'oyokya ekibuga omuliro, n'omunyago gwonna buli kantu konna, eri Mukama Katonda wo: era kinaabanga kifunvu ennaku zonna; tekirizimbibwa nate.
- 17 So tewabanga ku kintu ekyakolimirwa ekineegattanga n'omukono gwo: Mukama akyuke okuleka obusungu bwe obukambwe, akulage ekisa, akusaasire, era akwaze, nga bwe yalayirira bajjajja bo;
- 18 bw'onoowuliranga eddoboosi lya Mukama Katonda wo, okwekumanga ebiragiro bye byonna bye nkulagira leero, okukolanga ekiri mu manso ga Mukama Katonda wo ekirungi.

Essuula 14

- 1 Mmwe muli baana ba Mukama Katonda wammwe: temwesalanga, so temumwanga kiwalaata kyonna wakati w'amaaso gammwe olw'abafu.
- 2 Kubanga oli ggwanga ttukuvu eri Mukama Katonda wo, era Mukama yakulonda okuba eggwanga ery'envuma gy'ali, okusinga amawanga gonna agali ku maaso g'ensi.
- 3 Tolyanga kintu kyonna kya muzizo.
- 4 Zino ze nsolo ze munaalyanga: ente, endiga n'embuzi,
- 5 enjaza n'empeewo n'ennangaazi n'embulabuzi n'entamu n'enteo n'endiga ey'omu nsiko.
- 6 Na buli nsolo eyawulamu ekinuulo, era ekirina ekinuulo ekyaseemu, ezza obwenkulumo, mu nsolo, eyo gye munaalyanga.
- 7 Naye zino ze mutalyangako ku ezo ezizza obwenkulumo, oba ku ezo ezirina ekinuulo ekyaseemu: eamira n'akamyu n'omusu, kubanga bizza obwenkulumo, naye tebyawulamu kinuulo, ebyo si birongoofu gye muli:
- 8 n'embizzi, kubanga eyawulamu ekinuulo naye tezza bwekulumo, eyo si nnongoofu gye muli: ku nnyama yaabyo temugiryangako, n'emirambo gyabyo temugikomangako.
- 9 Bino bye munaalyanga ku byonna ebiba mu mazzi: buli ekirina amaggwa n'amagamba munaakiryanga:
- 10 na buli ekitalina maggwa na magamba temukiryanga; si kirongoofu gye muli.
- 11 Ku nnyonyi zonna ennongoofu muyinza okuziryako.
- 12 Naye zino ze mutalyangako: ennunda, n'empungu, ne makwanzi;
- 13 ne wonzi, n'eddiirawamu, ne kamunye n'engeri ye;
- 14 na buli namuona n'engeri ye;
- 15 ne maaya, n'olubugabuga, n'olusove, n'enkambo n'engeri yaayo;
- 16 n'ekiwuugulu, n'ekukufufu, n'ekiwuugulu eky'amatu;
- 17 n'ekimbaala, n'ensega, n'enkobyokoby;
- 18 ne kasiida, ne ssekanyolya n'engeri ye, n'ekkookotezi, n'ekinyira.
- 19 Ne byonna ebyewalula ebirina ebiwawaatiro si birongoofu gye muli: tebiriibwanga.
- 20 Ku nnyonyi zonna ennongoofu muyinza okuziryako.
- 21 Temulyanga ku kintu kyonna ekifa kyokka: oyinza okukiwa munnaggwanga ali munda w'enzigi zo akirye; oba oyinza okukiguza munnaggwanga: kubanga gw'oli ggwanga

ttukuvu eri Mukama Katonda wo. Tofumbiranga mwana gwa mbuzi mu mata ga nnyina wagwo.

- 22 Tolemanga kusoolooza kitundu kya kkumi ku bibala byonna eby'ensigo zo ebinaavanga mu nnimiro buli mwaka.
- 23 Era onooliiranga mu maaso ga Mukama Katonda wo mu kifo ky'alyeroboza okutuuzza omwo erinnya lye ekitundu eky'ekkumi eky'eaano yo, n'eky'envinnyo yo, n'eky'amafuta go, n'ebibereberye by'ente zo n'eby'embuzi zo; oyige okutyanga Mukama Katonda wo ennaku zonna.
- 24 Era oba ng'olugendo lunaakuyinganga okuba olunene, n'okuyinza n'otoyinza kukitwalayo, kubanga ekifo kiyinze okukuba ewala, Mukama Katonda wo ky'alyeroboza okuteeka omwo erinnya lye, Mukama Katonda wo bw'alikuwa omukisa;
- 25 onookiwaanyisangamu effeeza, n'osiba effeeza mu mukono gwo, n'ogenda mu kifo Mukama Kafonda wo ky'alyeroboza:
- 26 kale effeeza onoogigulangamu ekintu kyonna emmeeme yo ky'eyagala, ente, oba ndiga, oba nvinnyo, oba ekitamiiza, oba ekintu kyonna emmeeme yo ky'eneekusabanga: era onooliiranga eyo mu maaso ga Mukama Katonda wo, era onoosanyukanga ggwe n'ab'omu nnyumba yo:
- 27 n'Omuleevi ali munda w'enzigi zo, tomwabuliranga; kubanga talina mugabo newakubadde obusika awamu naawe.
- 28 Buli myaka esatu bwe giggwangako, onoofulumyanga ekitundu kyonna eky'ekkumi eky'ebibala byo mu mwaka ogwo, n'okiterekanga munda w'enzigi zo:
- 29 n'Omuleevi, kubanga talina mugabo newakubadde obusika awamu naawe, ne munnaggwanga, ne mulekwa, ne namwandu abali munda w'enzigi zo, banajjanga ne balya ne bakkuta; Mukama Katonda wo alyoke akuwe omukisa mu mulimu gwonna ogw'omukono gwo gw'okola.

Essuula 15

- 1 Buli myaka omusanvu bwe giggwangako, onoosumululanga.
- 2 Era eno ye ngeri y'okusumululula okwo: buli abanja anaasumululanga ekyo kye yawola muliraanwa we; takibanjanga muliraanwa we era muganda we; kubanga okusumululula kwa Mukama nga kulangiddwa.
- 3 Munnaggwanga oyinza okukimubanja: naye ekintu kyonna ku bibyo ekiri ne muganda wo omukono gwo gunaakisumululanga.
- 4 Naye tewaabenga baavu gy'oli, (kubanga Mukama taalemenga kukuwa mukisa mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obusika okugirya;)
- 5 kyokka bw'onoonyiikiranga okuwulira eddobozi lya Mukama Katonda wo, okukwatanga okukolanga ekiragiyo kino kyonna kye nkulagira leero.
- 6 Kubanga Mukama Katonda wo anaakuwanga omukisa, nga bwe yakusuubiza: era onoowolanga amawanga mangi, naye tewewolenga; era onoofuganga amawanga mangi, naye tebaakufugenga ggwe.
- 7 Bwe wanaabanga gy'oli omwavu, omu ku baganda bo, munda w'oluggi lwonna ku nzigi zo mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, tokakanyazanga mutima gwo, so tofunyanga ngalo zo eri muganda wo omwavu:
- 8 naye tolemanga kwanjuluza ngalo zo gy'ali, so tolemanga kumuwola ebinaamumalanga olw'okwetaaga kwe mu ekyo ky'abuliddwa.
- 9 Weekuumenga waleme okubaawo mu mutima gwo ekirowoozo ekikodo, ng'oyogera nti Omwaka ogw'omusanvu, omwaka ogusumululirwamu, gunaatera okutuuka; eriiso lyo ne liba bbi eri muganda wo omwavu, n'otomuwa kintu; n'akoowoola Mukama ng'akuwawaabira, ne kiba kibi gy'oli.

- 10 Tolemanga kumuwa, so n'omutima gwo tegunakuwalanga bw'omuwa: kubanga olw'ekigambo ekyo Mukama Katonda wo kyanaavanga akuwa omukisa mu mulimu gwo gwonna ne mu byonna by'onossangako omukono gwo.
- 11 Kubanga abaavu tebaliggwaawo mu nsi ennaku zonna: kyenva nkulagira nga njogera nti Tolemanga kwanjuluza ngalo zo eri muganda wo, eri ababo abeetaaga, era eri abaavu bo, mu nsi yo.
- 12 Bwe bakuguzanga muganda wo, omusajja Omwebbulaniya oba mukazi Omwebbulaniya, n'amala emyaka mukaaga ng'akuweereza; mu mwaka ogw'omusanvu n'olyoka omuteeranga ddala okukuvaako.
- 13 Era bw'onoomuteeranga ddala okukuvaako, tomutanga nga talina kintu:
- 14 onoomulabiranga ebingi ku mbuzi zo ne ku gguuliro lyo ne ku ssogolero lyo: nga Mukama Katonda wo bwe yakuwa omukisa, bw'onoomuwanga bw'otyoyo.
- 15 Era onojjukiranga nga wali muddu mu nsi y'e Misiri, Mukama Katonda wo n'akununula: kyenva nkulagira ekigambo ekyo leero.
- 16 Awo olunaatuukanga bw'anaakugambanganga nti Sijja kufulumama kukuleka; kubanga akwagala ggwe n'ab'omu nnyumba yo, kubanga alaba ebirungi ewuwo;
- 17 n'olyoka oddiranga olukato, n'oluyisa mu kutu kwe n'okwasa n'oluggi, naye anaabeeranga muddu wo ennaku zonna. Era n'omuzaana wo bw'onoomukolanga bw'otyoyo.
- 18 Tolowoozanga nga kizibu bw'onoomuteeranga ddala okukuvaako; kubanga yakuweereza emyaka mukaaga okusinga emirundi ebiri oyo aweerereza empeera: era Mukama Katonda wo anaakuwanga omukisa mu byonna by'okola.
- 19 Ebibereberye byonna ebisajja ente zo n'embuzi zo bye zinaazaalanga onootukuzanga eri Mukama Katonda wo: tokozanga mulimu gwonna kibereberye kya nte yo, so tosalanga byoya bya kibereberye kya mbuzi zo.
- 20 Onookiriiranga mu maaso ga Mukama Katonda wo buli mwaka mu kifo Mukama ky'alayeroboza, ggwe n'ab'omu nnyumba yo.
- 21 Era bwe kinaabangako obulema bwonna, bwe kinaawenyeranga oba bwe kinaabanga ekizibe ky'amaaso, obulema bwonna bwonna obutali bulungi; tokiwangayo eri Mukama Katonda wo.
- 22 Onookiriiranga munda w'enzigi zo: abatali balongoofu n'abalongoofu banaakiryanga okwenkanankana, ng'empeewo era ng'enjaza.
- 23 Kyokka tolyanga musaayi gwakyo; onoogufukanga ku ttaka ng'amazzi.

Essuula 16

- 1 Okwatanga omwezi Abibu, weekuumenga Okuyitako eri Mukama Katonda wo: kubanga mu mwezi Abibu Mukama Katonda wo mwe yakuggira mu Misiri ekiro.
- 2 Era onottiranga Okuyitako Mukama Katonda wo, ku mbuzi n, ku nte, mu kifo Mukama ky'alayeroboza okutuuzza omwo erinnya lye.
- 3 Tolyanga mmere nzimbulukuse wamu nakwo; onoomalanga ennaku musanvu ng'olya emmere eteri nzimbulukuse wamu nakwo, ye mmere ey'okunakuwala; kubanga wava mu nsi y'e Misiri ng'oyanguwa: ojjukirenga olunaku lwe waviiramu mu nsi y'e Misiri ennaku zonna ez'obulamu bwo.
- 4 So tewalabikanga gy'oli kizimbulukusa mu nsalo zo zonna ennaku musanvu; so tewasigalangawo ku nnyama, gy'onottanga ku lunaku olw'olubereberye akawungeezi, okusulawo okukeesa obudde.
- 5 Tottiranga Kuyitako munda w'oluggi lwonna ku nzigi zo, Mukama Katonda wo z'akuwa:
- 6 naye mu kifo Mukama Katonda wo ky'alayeroboza okutuuzza omwo erinnya lye, eyo

gy'onottiranga Okuyitako akawungeezi, enjuba ng'egwa, mu biro bye waviiramu mu Misiri.

- 7 Era onookwokya n'okuliiranga mu kifo Mukama Katonda wo ky'alyeroboza: era onookyukanga enkya, n'ogenda mu weema zo.
- 8 Ennaku mukaaga onoolyanga emmere eteri nzimbulukuse: ne ku lunaku olw'omusanvu wanaabanga okukuaana okutukuvu eri Mukama Katonda wo; tolukolerangako mulimu gwonna.
- 9 Oneebaliranga ssabbiiti musanvu: okuva ku biro by'otanuliramamu okussa ekiwabyo ku aano ng'ekyali mu nnimiro kw'onoosookeranga okubala ssabbiiti omusanvu.
- 10 Era oneekuumanga embaga eya ssabbiiti eri Mukama Katonda wo ng'omuwa omusolo ogw'ekyo ky'owaayo ku bubwo eky'omukono gwo, ky'onowangayo nga Mukama Katonda wo bw'akuwa omukisa:
- 11 era onoosanyukiranga mu maaso ga Mukama Katonda wo, ggwe ne mutabani wo ne muwala wo n'omuddu wo n'Omuzana wo n'Omuleevi ali munda w'enzigi zo ne munnaggwanga ne mulekwa ne namwandu, abali wakati wo, mu kifo Mukama Katonda wo ky'alyeroboza okutuuzza omwo erinnya lye.
- 12 Era onojjukiranga nga wali muddu mu Misiri: era onookwatanga onookolanga amateeka gano.
- 13 Oneekuumiranga embaga ey'ensiisira ennaku musanvu, bw'onoobanga omaze okutereka eby'omugguuliro lyo n'eby'omu ssogolero lyo:
- 14 era onoosanyukiranga embaga yo, ggwe ne mutabani wo ne muwala wo, n'omuddu wo n'omuzana wo, n'Omuleevi ne munnaggwanga ne mulekwa ne nnamwandu, abali munda w'enzigi zo.
- 15 Ennaku musanvu oneekuumanga embaga eri Mukama Katonda wo mu kifo Mukama ky'alyeroboza: kubanga Mukama Katonda wo anaakuwanga omukisa mu bibala byo byonna, ne mu mulimu gwonna ogw'engalo zo, era onoobanga n'essanyu jjereere. Emirundi esatu buli mwaka abasajja bo bonna banaalabikanga mu maaso ga Mukama Katonda wo mu kifo ky'alyeroboza: ku mbaga ey'emmere eteri nzimbulukuse, ne ku mbaga eya ssabbiiti, ne ku mbaga ey'ensiisira: so tebalabikanga mu maaso ga Mukama nga tebalina kintu:
- 16 Emirundi esatu buli mwaka abasajja bo bonna banaalabikanga mu maaso ga Mukama Katonda wo mu kifo ky'alyeroboza: ku mbaga ey'emmere eteri nzimbulukuse, ne ku mbaga eya ssabbiiti, ne ku mbaga ey'ensiisira: so tebalabikanga mu maaso ga Mukama nga tebalina kintu:
- 17 buli muntu anaawanga nga bw'anaayinzanga, ng'omukisa bwe gunaabanga ogwa Mukama Katonda wo gw'akuwadde:
- 18 Abalamuzi n'abaami onossangawo mu nzigi zo zonna Mukama Katonda wo z'akuwa, ng'ebika byo bwe biri: era banaasaliranga abantu emisango egy'ensonga.
- 19 Tokyamyanga musango; tosalirizanga bantu: so tolyanga nguzi; kubanga enguzi eziba amaaso g'ab'amagezi, era ekyusakyusa ebigambo by'abatuukirivu.
- 20 Eby'obutuukirivu ddala by'onoogobereranga, olyoke obenga omulamu, osikire ensi Mukama Katonda wo gy'akuwa.
- 21 Teweessimbiranga muti gwonna okuba Asera ku mabbali g'ekyoto kya Mukama Katonda wo, ky'oneekoleranga.
- 22 So tweeyimirizanga mpagi; Mukama Katonda wo gy'akyawa.

Essuula 17

- 1 Tosalanga okuba ssaddaaka eri Mukama Katonda wo ente newakubadde endiga eriko obulema oba ekitali kirungi kyonna: kubanga ekyo kya muzizo eri Mukama Katonda

wo.

- 2 Bwe wanaalabikanga wakati wo, munda w'oluggi lwonna ku nzigi zo Mukama Katonda wo z'akuwa, omusajja oba mukazi, akola ekiri mu maaso ga Mukama Katonda wo ekibi, ng'asobya ku ndagaano,
- 3 era ng'agenze n'aweereza bakatonda abalala n'abasinza, oba njuba, oba mwezi, oba ku ggye ery'omu ggulu, bye ssaalagira;
- 4 ne bakubuulira era ng'okiwulidde, n'olyoka onyiikiranga okubuuliriza, era, laba, bwe kinaabanga eky'amazima, ekigambo ne kitabuusibwabuusibwa, ng'eky'omuzizo ekiri bwe kityo kikolerwa mu Isiraeri;
- 5 n'olyoka ofulumyanga omusajja oyo oba mukazi oyo, abakoze ekigambo ekyo ekibi, awali enzigi zo, omusajja oba mukazi; kale onoobakubanga amayinja bafe.
- 6 Olw'akamwa k'abajulirwa ababiri oba bajulirwa basatu, agenda okufa bw'anattibwanga; olw'akamwa k'omujulirwa omu tattibwanga.
- 7 Omukono gw'abajulirwa gwe gunaasookanga okumubaako okumutta, omukono gw'abantu bonna ne gulyoka gumubangako: Bw'otyo bw'onoggyangawo ekibi wakati wo.
- 8 Bwe wanaabangawo ensonga ekulema okugisalira omusango, nga bavunaana omusaayi n'omusaayi, nga bavunaana ensonga n'ensonga, era nga bavunaana omuggo n'omuggo, nga bawakanira ebyo munda w'enzigi zo: kale onoogolokokanga, n'oyambuka mu kifo Mukama Katonda ky'alyeroboza;
- 9 n'ojja eri bakabona Abaleevi, n'eri omulamuzi anaabangawo mu nnaku ziri: n'obuuzza; era bo banaakulaganga ensala y'omusango:
- 10 naawe onookolanga ng'omusango bwe gunaabanga, gwe banaakulaganga nga bayima mu kifo Mukama ky'alyeroboza; era onookwatanga okukola nga byonna bwe binaabanga bye bakuyigiriza:
- 11 ng'etteeka bwe linaabanga lye banaakuyigirizanga, era ng'ensala bw'eneebanga gye banaakubuuliranga, onookolanga bw'otyo: tokyamanga okuva mu musango gwe banaakulaganga okugenda ku mukono ogwa ddyo, newakubadde ogwa kkono:
- 12 Era omuntu anaakolanga eby'ekyejo, nga tawulira kabona ayimirira eyo okuweereza mu maaso ga Mukama Katonda wo, oba mulamuzi, omuntu oyo anaafanga: era onoggyangawo obubi obwo mu Isiraeri.
- 13 Era abantu bonna banaawuliranga ne batya, ne batakola nate bya kyejo.
- 14 Bw'oliba ng'otuuse mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, n'ogirya, n'otuula omwo; n'oyogera nti Nassaawo kabaka okunfuga, era nga n'amawanga gonna agannee-toolodde;
- 15 tolemanga kussaawo oyo okuba kabaka okukufuga, Mukama Katonda wo gw'alyeroboza: omu ku baganda bo gw'olissaawo okuba kabaka okukufuga: si kirungi ggwe okussaawo munnaggwanga okukufuga, atali muganda wo.
- 16 Kyokka teyeefuniranga mbalaasi nnyingi, so tazzangayo bantu mu Misiri, alyoke yeefunire embalaasi ennyingi: kubanga Mukama yabagamba nti Temuddangayo nate mu kkubo eryo okuva kaakano.
- 17 So teyeefuniranga bakazi bangi, omutima gwe gulemenga okukyuka: so teyeefuniranga ffeeza nnyingi nnyo newakubadde zaabu.
- 18 Awo olulituuka bw'alituula ku ntebe y'obwakabaka bwe, alyewandiikira etteeka lino mu kitabo, ng'aliggya mu ekyo ekiri mu maaso ga bakabona Abaleevi:
- 19 era kinaabeeranga gy'ali, era anaakisomangamu ennaku zonna ez'obulamu bwe: ayige okutya Mukama Katonda we, okwekumanga ebigambo byonna eby'etteeka lino n'ebiragiro bino okubikolanga:
- 20 omutima gwe gulemenga okugulumizibwa ku baganda be, era alemenga okukyama okuva mu kiragiro okugenda ku mukono ogwa ddyo newakubadde ogwa kkono:

alyoke awangaale enaku nnyingi mu bwakabaka bwe, ye n'abaana be, wakati mu Isiraeri.

Essuula 18

- 1 Bakabona Abaleevi, kye kika kyonna ekya Leevi, tebabanga na mugabo newakubadde obusika awamu ne Isiraeri: banaalyanga ebiweebwayo ebya Mukama ebikolebwa n'omuliro, n'obusika bwe.
- 2 So tebabanga na busika mu baganda baabwe: Mukama bwe busika bwabwe, nga bwe yabagamba.
- 3 Era lino lye linaabanga ebbanja lya bakabona lye banaabanjanga abantu, abo abanaawangayo ssaddaaka, bw'eba ente oba ndiga, bawenga kabona omukono, n'emba zombi, ne ssebusa.
- 4 Ebibereberye by'eaano yo, eby'envinnyo yo n'eby'amafuta go, n'ebibereberye by'ebyoya by'endiga zo, onoobimuwanga,
- 5 Kubanga Mukama Katonda wo yamweroboza mu bika byo byonna, okuyimiriranga okuweerezanga n'erinnya lya Mukama, ye ne batabani be emirembe gyonna.
- 6 Era Omuleevi bw'anaavanga mu luggi lwonna ku nzigi zo mu Isiraeri yenna, mw'atula, n'ajja mu kifo Mukama ky'alyeroboza, emmeeme ye nga yeegombera ddala okujja;
- 7 anaaweerezanga n'erinnya lya Mukama Katonda we, nga baganda be bonna Abaleevi bwe bakola, abayimirira eyo mu maaso ga Mukama,
- 8 Banaabanga n'emigabo egyenkanankana okulya, obutassaako ebyo ebivudde mu kutunda obutaka bwe.
- 9 Bw'olimala okutuuka mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, toyiganga kukola ng'eby'emizizo eby'amawanga gali bwe biri.
- 10 Tewelabikanga gy'oli muntu yenna ayisa mu muliro mutabani we oba muwala we, newakubadde akola eby'obufumu, newakubadde alaguza ebire; newakubadde omulogo, newakubadde omuganga,
- 11 newakubadde omusawo, newakubadde asamira omuzimu, newakubadde emmandwa, newakubadde abuuza abafu.
- 12 Kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama: era olw'emizizo egyo Mukama Katonda wo kyava abagoba mu maaso go.
- 13 Onoobanga eyatuukirira eri Katonda wo,
- 14 Kubanga amawanga gano g'olirya, bawulira abo abalaguza ebire n'abafumu: naye ggwe Mukama Katonda wo takuganyizza kukolanga bw'otyoo.
- 15 Makama Katonda wo alikuyimusiza nabbi wakati wo, ku baganda bo, afaanana nga nze; oyo gwe muliwulira;
- 16 nga byonna bwe byali bye wasaba Mukama Katonda wo ku Kolebu ku lunaku olw'okukuaanirako, ng'oyogera nti Nneme okuwulira nate eddoboosi lya Mukama Katonda wange, era nneme okulaba nate omuliro guno omungi, nneme okufa.
- 17 Mukama n'aamba nti Boogedde bulungi ebyo bye bagambye.
- 18 Ndibayimusiza aabbi ku baganda baabwe, afaanana nga ggwe; era nditeeka ebigambo byange mu kamwa ke, era alibabuulira byonna bye ndimulagira.
- 19 Kale olulituuka buli ataliwulira bigambo byange by'alyogera mu linnya lyange, ndimulanga ekyoo.
- 20 Naye nabbi anaayogeranga ekigambo mu linnya lyange nga yeetulinkiridde, bye simulagidde kwogera, oba anaayogeranga mu linnya lya bakatonda abalala, nabbi oyo anaafanga.
- 21 Era bw'onooyogeranga mu mutima gwo nti Tunaategeeranga tutya ekigambo Mukama

ky'atayogedde?

- 22 Nabbi bw'anaayogeranga mu linnya lya Mukama, ekigambo ekyo bwe kitajja so tekituukirira, ekyo kye kigambo Mukama ky'atayogedde: nabbi ng'akyogedde nga yeetulinkiridde, tomutyanga.

Essuula 19

- 1 Mukama Katonda wo bw'alizikiriza amawanga, Mukama Katonda wo ensi yaago gy'akuwa, on'obasikira, n'otuula mu bibuga byabwe ne mu nnyumba zaabwe;
- 2 olyeyawulira ebibuga bisatu wakati mu nsi yo, Mukama Katonda wo gy'akuwa okugirya.
- 3 Olyelimira oluguudo, era olisala mu nsalo z'ensi yo, Mukama Katonda wo gy'akusisa, okuba ebitundu bisatu, buli atta omuntu addukiranga omwo.
- 4 Era eno ye nsonga y'oyo atta omuntu anaddukiranga omwo n'aba nga mulamu: buli anattanga munne nga tamanyiridde, so nga tamukyawanga lubereberye;
- 5 ng'omuntu bw'ayingira mu kibira ne munne okutema omuti, n'agalula embazzi omukono gwe okutema omuti, embazzi n'ewanguka mu kiti kyayo, n'egwa ku munne, n'okufa n'afa; anaddukiranga mu kimu ku bibuga ebyo n'aba mulamu:
- 6 awalana eggwanga ly'omusaayi alemenga okugoberera eyatta omuntu, omutima gwe nga gukyasunguwadde, n'amutuukako, kubanga olugendo lunene, n'amufumita okumutta; so ga tasaanidde kufa, kubanga tamukyawanga lubereberye.
- 7 Kyenva nkulagira nga njogera nti Olyeyawulira ebibuga bisatu.
- 8 Era oba nga Mukama Katonda wo aligaziya ensalo yo, nga bwe yalayirira bajjajja bo, n'akuwa ensi yonna gye yasubiza okuwa bajjajja bo;
- 9 bw'oneekuumanga ekiragiro kino kyonna okukikola, kye nkulagira leero, okwagalanga Mukama Katonda wo, n'okutambuliranga mu makubo ge bulijjo; n'olyoka weyongerera ebibuga bisatu ebirala ku bino ebisatu:
- 10 omusaayi ogutaliiko musango guleme okuyiika mu nsi yo Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obusika, bwe kityo omusaayi ne gukubaako.
- 11 Naye omuntu yenna bw'akyawanga munne, n'amuteega, n'amugolokokerako, n'amufumita okumutta n'okufa n'afa; n'addukira mu kimu ku bibuga ebyo:
- 12 kale abakadde b'ekibuga kye, banaatumanga ne bamuggyayo, ne bamuwaayo mu mukono gw'oyo awalana eggwanga ly'omusaayi, afe.
- 13 Eriiso lyo terimusaasiranga; naye onoggyangawo mu Isiraeri omusaayi ogutaliiko musango, olyoke olabenga ebirungi.
- 14 Tojjjululanga nsalo ya muliraanwa wo, ab'edda gye baasimba, mu busika bwo bw'olisika mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa okugirya.
- 15 Omujulirwa omu tagolokokeranga ku muntu olw'obutali butuukirivu bwonna oba olw'ekibi kyonna, mu kibi kyonna ky'ayonoona: olw'akamwa k'abajulirwa ababiri oba olw'akamwa k'abajulirwa abasatu ekigambo kinaanywezebwanaga.
- 16 Omujulirwa atali mutuukirivu bw'agolokokeranga ku muntu yenna okutegeeza ng'akoze bubu;
- 17 abasajja bombi abawakana empaka ezo banaayimiriranga mu maaso ga Mukama, mu maaso ga bakabona n'abalamuzi abalibaawo mu nnaku ziri;
- 18 kale abalamuzi banaakemerezanga nayo: era, laba, omujulirwa oyo bw'abanga omujulirwa ow'obulimba, era ng'awaayirizza muganda we;
- 19 kale munaamukoleranga nga bw'abadde alowooza okukola muganda we: bw'otyo bw'onoggyangawo obubi wakati wo.
- 20 N'abo abasigalawo b'anaawuliranga ne batya ne batakola nate okuva ku biro biri obubi bwonna obuli ng'obwo wakati wo.

- 21 So n’eriisa lyo terisaasiranga; obulamu bugattwenga obulamu, eriiso ligattwenga eriiso, erinnyo ligattwenga erinnyo, omukono gugattwenga omukono, ekigere kigattwenga ekigere.

Essuula 20

- 1 Bw’otabaalanga okulwana n’abalabe bo, n’olaba embalaasi n’amagaali n’abantu abakusinga obungi, tobatyanga: kubanga Mukama Katonda wo ali wamu naawe, eyakuggya mu nsi y’e Misiri.
- 2 Awo olunaatuukanga bwe munaasembereranga olutalo, kabona anajjanga n’ayogera n’abantu,
- 3 n’abagamba nti Wulira, ggwe Isiraeri, musemberera olutalo leero okulwana n’abalabe bammwe: omutima gwammwe teguddiriranga; temutya so temukankana, so temu-batekemukira;
- 4 kubanga Mukama Katonda wammwe ye wuuyo agenda nammwe, okubalwanirira eri abalabe bammwe okubalokola.
- 5 Era abaami banaayogeranga n’abantu nga bagamba nti Muntu ki ali wano eyazimba ennyumba empya so nga tannagitukuza? agende addeyo eka, aleme okufira mu lutalo, omulala n’agitukuza.
- 6 Era muntu ki ali wano eyasimba olusuku lw’emizabbibu, so nga tannalya ku bibala byalwo? agende addeyo eka aleme okufira mu lutalo, omulala n’alya ebibala byalwo.
- 7 Era muntu ki ali wano eyayogereza omukazi, so nga tannamuwasa? agende addeyo eka, aleme okufira mu lutalo, omulala n’amuwasa.
- 8 Era abaami baneeyongeranga okugamba abantu ne boogera nti Muntu ki ali wano atya era alina omutima oguddirira? agende addeyo eka, emitima gya baganda be gireme okusaanuuka ng’omutima gwe.
- 9 Awo olunaatuukanga abaami bwe banaamalanga okwogera n’abantu, banassangawo abakulu b’eggye okukulembera abantu.
- 10 Bw’onoosembereranga ekibuga okulwana nakyo, n’olyoka iokirangiriranga emirembe.
- 11 Awo olunaatuukanga, bwe kinaddangamu eby’emirembe, ne kikuggulirawo, abantu bonna abalabika omwo banaafuukanga ab’omusolo, era banaakuweerezanga.
- 12 Era bwe kitakkirizanga kulagaana mirembe naawe, naye nga kyagala okulwana naawe, n’olyoka okizingizanga:
- 13 era Mukama Katonda wo bw’anaakigabulanga mu mukono gwo, onottanga buli musajja waamu n’obwogi bw’ekitala:
- 14 naye abakazi n’abaana abato n’ebisibo ne byonna ebiri mu kibuga, omunyago gwakyo gwonna, oneetwaliranga okuba omunyago; era onoolyanga omunyago gw’abalabe bo, Mukama Katonda wo gwe yakuwa.
- 15 Bw’otyo bw’onookolanga ebibuga byonna ebikuli ewala ennyo, ebitali bya ku bibuga bya mawanga gano.
- 16 Naye ku bibuga by’abantu bano, Mukama Katonda wo b’akuwa okuba obusika, towonyangako kintu ekissa omukka kiremenga okufa:
- 17 naye onoobazikiririzanga ddala; Omukiiti, n’Omwamoli, Omukanani, n’Omuperizi, Omukiivi, n’Omuyebusi; nga Mukama Katonda wo bwe yakulagira:
- 18 balemenga okubayigiriza okukola ng’eby’emizizo byabwe byonna bwe biri, bye baakoleraaga bakatonda baabwe; bwe mutyo mwandisobezza Mukama Katonda wammwe.
- 19 Bw’onoomalanga ebiro bingi ng’ozingizza ekibuga, ng’olwana nakyo okukinyaga, tozikirizanga miti gyakyo ng’ogigalulira embazzi; kubanga oyinza okugiryako, era

togitemanga; kubanga omuti ogw'omu nsiko muntu, ggwe okuguzingiza gwo?

- 20 Emiti egyo gyokka gy'omanyi nga si miti gya kulyako, gy'onoozikirizanga gy'onootemanga; era onoozimbiranga ebigo ku kibuga ekirwana naawe, okutuusa lwe kirigwa.

Essuula 21

- 1 Omuntu bw'anaasangibwanga ng'attiddwa mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa okugirya, ng'ali mu nsiko, so tekimanyibwa bw'ali amukubye:
- 2 abakadde bo n'abalamuzi bo ne balyoka bafulumanga, era banaageranga okutuuka ku bibuga ebimwetoolodde oyo eyattibwa:
- 3 awo olunaatuukanga ekibuga ekisinga okuba okumpi omuntu eyattibwa, abakadde b'ekibuga ekyo banaddiranga ente enduusi okugiggya mu nte, etekozebwanaga mirimu, etewalulanga ng'eri mu kikoligo;
- 4 era abakadde b'ekibuga ekyo banaaserengesanga enduusi mu kiwonvu omuli amazzi agakulukuta, ekitali kirime so ekitali kisige, ne bakutula ensingo y'ente enduusi eyo mu kiwonvu:
- 5 awo bakabona abaana ba Leevi banaasemberanga; kubanga abo Mukama Katonda wo be yeeroboza okumuweerezanga, n'okusabanga omukisa mu linnya lya Mukama; era ng'ekigambo kyabwe bwe kinaabanga, bwe zityo buli mpaka na buli kulumbagana bwe binaamalibwanga:
- 6 awo abakadde bonna ab'ekibuga ekyo, abasinga okuba okumpi omuntu eyattibwa, banaanaabiranga engalo ku nte enduusi ekutuddwako ensingo mu kiwonvu:
- 7 era banaddangamu ne boogera nti Engalo zaffe si ze zaayiwa omusaayi guno, so n'amaaso gaffe tegaagulaba.
- 8 Sonyiwa, ai Mukama, abantu bo Isiraeri, be wanunula, so toganya musaayi ogutaliiko musango okuba wakati mu bantu bo Isiraeri. Kale omusaayi gunaabasonyiyibwanga.
- 9 Bw'otyo bw'onoggyangawo omusaayi ogutaliiko musango wakati wo, bw'onookolanga ekiri mu maaso ga Mukama ekirungi.
- 10 Bw'onootabaalanga okulwana n'abalabe bo, Mukama Katonda wo n'abagabula mu mikono gyo, n'obatwala nga mwandu,
- 11 n'olaba mu mwandu omukazi omulungi, n'omwegomba, n'oyagala okumuwasa;
- 12 n'olyoka omutwalanga ewuwo mu nnyumba yo; naye anaamwanga omutwe gwe n'asala enjala ze;
- 13 era anaayambulanga ebyambalo eby'obunyage bwe, n'abeera mu nnyumba yo n'amala omwezi omulamba ng'akaabira kitaawe ne nnyina: kale oluvanayuma n'olyoka oyin-gira gy'ali; n'oba bba naye nga mukazi wo.
- 14 Awo olunaatuukanga, bw'otoomusanyukirenga n'akatono, onoomulekanga okugenda gy'ayagala; naye tomutundangamu bintu n'akatono, tomukolanga ng'omuzaana, kubanga wamutoowaza.
- 15 Omusajja bw'abanga n'abakazi babiri, omu nga muganzi, omulala nga mukyawe, era nga bombi baamuzaalira abaana, omuganzi n'omukyawe; era omwana ow'obulenzi omubereberye bw'abanga ow'omukyawe;
- 16 awo olunaatuukanga, ku lunaku lw'alisisa abaana be ebyo by'alina, tafuulanga mwana wa muganzi okuba omubereberye, omwana w'omukyawe, ye mubereberye, ng'akyali mulamu:
- 17 naye anakkirizanga omubereberye, omwana w'omukyawe, ng'amuwa emigabo ebiri ku ebyo byonna by'alina: kubanga oyo kwe kusooka kw'amaanyi ge; eby'omubereberye bibye.
- 18 Omuntu bw'abanga ne mutabani we omukakanyavu omujeemu, atakkiriza kugondera ddoobozi lya kitaawe, newakubadde eddoobozi lya nnyina, era newakubadde nga

bamubonereza, nga takkiriza kubawulira:

- 19 kale kitaawe ne nnyina banaamukwatanga, ne bamufulumya eri abakadde ab'omu kibuga kyabwe, n'eri wankaaki w'ekifo kyabwe:
- 20 ne bagamba abakadde ab'omu kibuga kyabwe nti Omwana waffe ono mukakanyavu mujeemu, takkiriza kugondera ddooboozi lyaffe; wa mpisa mbi, era mutamiivu.
- 21 Abasajja bonna ab'omu kibuga kyabwe ne bamukuba amayinja okumutta: bw'otyo bw'onoggyangawo obubi okuva wakati wo; kale Isiraeri yenna anaawuliranga anaatyanga.
- 22 Era omuntu bw'aba ng'akoze ekibi ekisaanira okumussa; ne bamutta, n'omuwaniika ku muti;
- 23 omulambo gwe tegusulanga ku muti, naye tolemanga kumuziika ku lunaku olwo; kubanga awanikiddwa ng'akolimiddwa Katonda; olemenga okugwagwawaza ensi yo Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obusika.

Essuula 22

- 1 Tolabanga nte ya muganda wo newakubadde endiga ye ng'ekyama, ne weekweka okuva gye ziri: tolemanga kuzizza eri muganda wo.
- 2 Era muganda wo bw'aba nga takuli kumpi oba bw'oba nga tomumanyi, onoogitwalanga eka ewuwo, eneebeeranga naawe okutuusa muganda wo lw'aliginoonya, n'ogizza nate gy'ali.
- 3 Era onookolanga n'endogoyi ye bw'otyo; era onookolanga n'ekyambalo kye bw'otyo; era onookolanga na buli kintu ekya muganda wo ekinaamubulanga naawe ng'okironze: okwekweka si kulungi.
- 4 Tolabanga ndogoyi ya muganda wo newakubadde ente ye ng'egudde mu kkubo, ne weekweka okuva gye ziri: tolemanga kumubeera okuziyimusa nate.
- 5 Omukazi tayambalanga kya musajja, so n'omusajja tayambalanga kyambalo kya mukazi: kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama Katonda wo.
- 6 Ekisu ky'ennyonyi bwe kiba nga kikuli mu maaso mu kkubo, ku muti gwonna oba wansi, obwana nga weebuli oba magi, nnyina ng'atudde ku bwana oba ku magi, totwalanga nnyina wamu n'amagi:
- 7 tolemanga kuta nnyina, naye oyinza okwetwalira obwana; olyoke olabenga ebirungi, era owangaalenga ennaku nnyingi.
- 8 Bw'ozimbanga ennyumba empya, onookolanga omuziziko ku ntikko, ng'omuntu yenna ayimye okwo n'agwa, olemenga okuleeta omusaayi ku nnyumba yo.
- 9 Tosiganga ngeri bbiri za nsigo mu lusuku lwo olw'emizabbibu: olemenga okufiirwa ebibala byonna, ensigo ze wasiga n'ekyengerera eky'olusuku.
- 10 Tolimisanga nte n'endogoyi wamu.
- 11 Toyambalanga lugoye olugatta ebibiri, ebyoya ne segamwenge wamu.
- 12 Oneekoleranga amatanvuuwa mu mbirizi nnya ez'ekyambalo kyo ky'oyambala.
- 13 Omusajja yenna bw'awasanga omukazi, n'ayingira gy'ali, n'amukyawa,
- 14 n'amuwawaabira eby'ensonyi, n'amuleetako erinnya ebibi, n'ayogera nti Nawasa omukazi ono, kale bwe nnamusembesera, ne ssimulabako bubonero bwa butamanya musajja:
- 15 awo kitaawe w'omukazi ne nayina ne balyoka baddira obubonero bw'omuwala oyo obw'obutamanya musajja ne babuleetera abakadde b'ekibuga mu mulyango:
- 16 kitaawe w'omuwala n'agamba abakadde nti Omusajja ono namuwa mwana wange okumuwasa, naye amukyaye;
- 17 era, laba, amuwawaabidde eby'ensonyi, ng'agamba nti Saalaba mu mwana wo bubonero bwa butamanya musajja; era naye obubonero bw'omwana wange

obw'obutamanya musajja buubuno. Kale ne bayaliira ekyambalo mu maaso g'abakadde b'ekibuga.

- 18 Awo abakadde b'ekibuga ekyo ne batwala omusajja oyo ne bamukuba;
- 19 ne bamutanza sekeri eza ffeeza kikumi, ne baziwa kitaawe w'omuwala oyo, kubanga yamuleetako erinnya ebbi omuwala wa Isiraeri: era anaabanga mukazi we; tamugobanga ennaku ze zonna.
- 20 Naye oba ng'ekigambo kino kya mazima, obubonero bw'obutamanya musajja obutal-abika mu muwala:
- 21 awo ne bafulumya omuwala oyo mu mulyango gw'ennyumba ya kitaawe, abasajja ab'omu kibuga kyabwe ne bamukuba amayinja ne bamutta: kubanga yakola obusirusiru mu Isiraeri, okwendera mu nnyumba ya kitaawe: bw'onoggyanga bw'otyo obubi wakati mu ggwe.
- 22 Bwe basanganga omusajja ng'asula n'omukazi eyafumbirwa bba, bombi bafenga omusajja eyasula n'omukazi, n'omukazi: bw'otyo bw'onoggyanga obubi mu Isiraeri.
- 23 Bwe wabangawo omuwala atamanyanga musajja ayogerezebwa omusajja, omusajja n'amusanga mu kibuga n'asula naye;
- 24 bombi munaabafulumyanga eri wankaaki w'ekibuga ekyo, ne mubakuba amayinja n'okufa ne bafa; omuwala kubanga teyakuba nduulu, ng'ali mu kibuga; n'omusajja kubanga yatoowaza mukazi wa munne: bw'otyo bw'onoggyanga obubi wakati mu ggwe.
- 25 Naye omusajja bw'asanganga omuwala ayogerezebwa mu nnimiro, omusajja n'amuwaliriza, n'asula naye; omusajja eyasula naye yekka y'anaafanga:
- 26 naye omuwala tolimukola kintu; ku muwala tekuli kibi ekinaamussa: kuba ng'omuntu bw'agolokokera ku munne n'amutta, n'ekigambo ekyo bwe kiri bwe kityo:
- 27 kubanga yamusanga mu nnimiro; omuwala ayogerezebwa n'akuba enduulu, ne watabaawo amulokola.
- 28 Omusajja bw'asanganga omuwala atamanyanga musajja, atayogerezebwa, n'amukwata n'asula naye ne babalaba;
- 29 kale omusajja eyasula naye anaamuwanga kitaawe w'omuwala sekeri eza ffeeza amakumi ataano, era anaabanga mukazi we, kubanga yamutoowaza; tayinza kumugoba ennaku ze zonna.
- 30 Omusajja tawasanga mukazi wa kitaawe, so tabikkulanga lukugiro lwa kitaawe.

Essuula 23

- 1 Eyafumitibwa, oba eyasalibwako ebitundu by'omubiri gwe eby'ekyama, tayingiranga mu kkuaaniro lya Mukama.
- 2 Omwana omwebolereze tayingiranga mu kkuaaniro lya Mukama; okutuusa ku mirembe ekkumi tewabangawo ku babe abayingira mu kkuaaniro lya Mukama.
- 3 Omwamoni oba Omumowaabu tayingiranga mu kkuaaniro lya Mukama; okutuusa ku mirembe ekkumi tewabangawo ku bantu baabwe abayingira mu kkuaaniro lya Mukama ennaku zonna:
- 4 kubanga tebaabasisinkana mu kkubo nga balina emmere n'amazzi, bwe mwava mu Misiri; era kubanga baawerera Balamu omwana wa Byoli okumuggya mu Pesoli eky'omu Mesopotamiya, okukukolimira.
- 5 Naye Mukama Katonda wo yagaana okuwulira Balamu; naye Mukama Katonda wo n'afuula ekikolimo okuba omukisa gy'oli, kubanga Mukama Katonda wo yakwagala.
- 6 Tonoonyanga mirembe gyabwe newakubadde omukisa gwabwe ennaku zo zonna emirembe gyonna.
- 7 Tokyawanga Mwedomu; kubanga muganda wo: tokyawanga Mumisiri; kubanga wali

mugenyi mu nsi yaabwe.

- 8 Abaana bannakabirye abalibazaalirwa baliyingira mu kkuaanero lya Mukama.
- 9 Bw'otabaalanga mu nsiisira okulwana n'abalabe bo, oneekuuma mu buli kintu ekibi.
- 10 Bwe wabanga mu mmwe omusajja yenna, atali mulongoofu olw'ekyo ekinaamubangako ekiro, anaafulumanga mu lusiisira, tayingiranga munda w'olusiisira:
- 11 naye olunaatuukanga, obudde bwe buwungeeranga, anaanaabanga n'amazzi: kale enjuba bw'emalanga okugwa, n'ayingiranga mu lusiisira.
- 12 Era onoobanga n'ekifo ebweru w'olusiisira, gy'onoofulumanga:
- 13 era onoobanga n'ekifumu mu bintu byo; awo olunaatuukanga, bw'onoofulumanga n'otuula, onookisimya n'okyuka n'obikka ku ekyo ekinaakuvangamu:
- 14 kubanga Mukama Katonda wo atambulira wakati, mu lusiisira lwo, okukuwonya, n'okugabula abalabe bo mu maaso go; olusiisira lwo kye lunaavanga lubeera olutukuvu: alemenga okulaba mu ggwe ekintu kyonna ekitali kirongoofu, n'akukuba amabega.
- 15 Tozzanga eri mukama we omuddu eyabomba ku mukama we okujja gy'oli:
- 16 anaatuulanga naawe, wakati mu ggwe, mu kifo ky'anaayagalanga munda w'enzigi zo olumu, w'anaasinganga okusiima: tomujooganga.
- 17 Tewabanga mwenzi ku bawala ba Isiraeri, so tewabanga alya ebisiyaga ku batabani ba Isiraeri.
- 18 Toleetanga mpeera ya mwenzi, newakubadde empeera y'embwa, mu nnyumba ya Mukama Katonda wo olw'obweyamo bwonna: kubanga ebyo byombiriri bya mizizo eri Mukama Katonda wo.
- 19 Towolanga muganda wo lwa magoba; amagoba ag'effeeza, amagoba ag'ebyokulya, amagoba ag'ekintu kyonna ekiwolwa olw'amagoba:
- 20 munnaggwanga si kibi okumuwola olw'amagoba; naye muganda wo tomuwolanga lwa magoba: Mukama Katonda wo alyoke akuwenga omukisa mu byonna by'oteekako omukono gwo, mu nsi gy'oyingiramu okugirya.
- 21 Bw'oneeyamanga obweyamo Mukama Katonda wo, totenguwanga kubusasula: kubanga Mukama Katonda wo talirema kububuuza gy'oli: era kyandibadde kibi mu ggwe:
- 22 Naye bw'olekanga okweyama, tekiriba kibi mu ggwe.
- 23 Ekyali kivudde mu mimwa gyo onookyekuumanga n'okikola; nga bwe weeyama Mukama Katonda wo, ekiweebwayo ku bubwo, kye wasuubiza n'akamwa ko.
- 24 Bw'oyingiranga mu lusuku olw'emizabbibu olwa munno, si kibi okulya ezabbibu okukkuta nga bw'oyagala ggwe: naye toterekangako mu kintu kyo.
- 25 Bw'oyingiranga mu aano etennakungulwa eya munno, si kibi okunoga ebirimba n'engalo zo; naye toteekanga kiwabyo kuaano etennakungulwa eya munno.

Essuula 24

- 1 Omusajja bw'atwalanga omukazi n'amuwasa, kale olunaatuukanga, bw'ataaganjenga n'akatono mu maaso ge, kubanga alabye ku ye ekitali kirungi, anaamuwandiikiranga ebbaluwa ey'okumugoba, n'agimuwa mu ngalo ze; n'amugoba mu nnyumba ye:
- 2 Awo bw'abanga avudde mu nnyumba ye, ayinza okugenda okuba omukazi w'omusajja omulala.
- 3 Era bba ow'okubiri bw'amukyawanga, n'amuwandiikira ebbaluwa ey'okumugoba, n'agimuwa mu ngalo ze, n'amugoba mu nnyumba ye; oba bba ow'okubiri bw'afanga, eyamuwasa;
- 4 bba ow'olubereberye, eyamugoba, tamutwalanga nate okumuwasa, bwe yamala

okwonoonebwa; kubanga ekyo kya muzizo mu maaso ga Mukama: so tokozanga nsi bibi, Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obusika.

- 5 Omusaja bw'awasanga omukazi omuggya, tatabaalanga na ggye, so tasalirwanga mirimu gyonna: anaamalanga omwaka gumu eka nga yessa, anaasanyusanga omukazi gw'awasizza.
- 6 Omuntu yenna tasingirwanga lubengo newakubadde enso: kubanga asingirwa obulamu bw'omuntu.
- 7 Bwe basanganga omuntu ng'abba omuntu yenna ku baganda be abaana ba Isiraeri, n'amukola ng'omuddu, oba n'amutunda; kale omubbi oyo anattibwanga: bw'otyoo bw'onoggyanga obubi wakati mu ggye.
- 8 Weekuumenga mu kibonobono eky'ebigenge, okwatirenga ddala okulenga byonna bakabona Abaleevi bye banaabayigirizanga: nga bwe nnabalagira bo, bwe mutyo bwe munaakwatanga okukola.
- 9 Jjukira Mukama Katonda wo bwe yakola Miryamu, mu kkubo bwe mwali muva mu Misiri.
- 10 Bw'oyazikanga munno ekintu kyonna ekyazikibwa, toyingiranga mu nnyumba ye okukima omusingo gwe.
- 11 Onooyimiriranga ebweru, n'omuntu gw'oyazika anaafulumyanga omusingo ebweru gy'oli.
- 12 Era bw'abanga omwavu, tosulanga ng'olina omusingo gwe:
- 13 tolemanga kumuddiza musingo obudde bwe bunaawungeeranga, alyoke asule mu kyambalo kye, era akusabire omukisa: era kinaabanga butuukirivu eri ggye mu maaso ga Mukama Katonda wo.
- 14 Tojooganga musenze akolera empeera omwavu eyeetaaga, bw'aba ku muwendo gwa baganda bo oba ku muwendo gwa bannaggwanga bo abali mu nsi yammwe munda w'enzigi zo:
- 15 ku lunaku lwe onoomuwanga empeera ye, so n'enjuba tegwanga ng'ekyaliyo; kubanga mwavu era agiteckako omwoyo gwe: alemenga okukaabiriranga Mukama okukuwawaabira, ne kiba kibi gy'oli.
- 16 Bakitaabwe tebattibwanga okubalanga abaana baabwe, so n'abaana tebattibwanga okubalanga bakitaabwe: buli muntu bamulangenga ekibi kye ye okumutta.
- 17 Tokyamyanga musango gwa munnaggwanga, newakubadde ogw'atalina kitaawe; so tosingirwanga kyambalo kya nnamwandu:
- 18 naye onojjukiranga nga wali muddu mu Misiri, Mukama Katonda wo n'akununula n'akuggyayo: kyenva nkulagira okukolanga ekigambo ekyo.
- 19 Bw'okungulanga ebikungulwa byo mu nnimiro yo ne weerabira ekinywa mu nnimiro, toddangayo nate okukikima; kinaabanga kya muanaggwanga, ky'atalina kitaawe, era kya nnamwandu: Mukama Katonda wo alyoke akuwenga omukisa mu mulimu gwonna ogw'engalo zo.
- 20 Bw'okubanga omuzeyituuni gwo, toddanga mu matabi lwa kubiri: gunaabanga gwa munnaggwanga, gw'atalina kitaawe, era gwa nnamwandu.
- 21 Bw'okungulanga ezabbibu ez'omu lusuku lwo, toddangamu ng'omaze omulundi gumu: lunaabanga lwa munnaggwanga, lw'atalina kitaawe, era lwa nnamwandu.
- 22 Era onojjukiranga nga wali muddu mu nsi y'e Misiri: kyenva nkulagira okukolanga ekigambo ekyo.

Essuula 25

- 1 Bwe wabangawo empaka n'abantu, ne bajja okusalirwa omusango, ne bagubasalira; banaasaliranga omutuukirivu okugusinga, n'omubi okusingibwa;

- 2 awo olunaatuukanga, omubi bw'abanga azzizza ogunaamukubya, omulamuzi anaamugalamizanga, anaamukubiranga mu maaso ge, ng'obubi bwe bwe buli, emiggo emibale.
- 3 Ayinza okumusalira emiggo ana, tasussangawo: muganda wo alemenga okufaanana atali wa muwendo gy'oli, bw'abanga asussizzaawo ng'amukubye emiggo mingi okusinga egyo.
- 4 Togisibanga kamwa ente ng'ewuula.
- 5 Ab'oluganda bwe banaabeeranga awamu, omu ku bo n'afa, nga talina mutabani, omukazi w'oyo afudde tafumbirwanga walala atali wa luganda: muganda wa bba ayingire gy'ali, amuwase, amukolere ebigwanira muganda wa bba
- 6 Awo olunaatuukanga, omubereberye gw'alizaala y'anaasikiranga erinnya lya muganda we eyafa, erinnya lye liremenga okusangalibwa okuva mu Isiraeri.
- 7 Era omusajja bw'abanga tayagala kuwasa mukazi wa muganda we, mukazi wa muganda we ayambukenga mu mulyango eri abakadde, ayogere nti Muganda wa baze agaana okuyimusiza muganda we erinnya mu Isiraeri, tayagala kunkolera ebigwanira muganda wa baze.
- 8 Kale abakadde b'omu kibuga kyabwe bamuyitenga, bamugambe; kale bw'anaayimiri-ranga n'ayogera nti Saagala kumuwasa;
- 9 kale mukazi wa muganda we ajjenga gy'ali mu maaso g'abakadde, anaanule engatto mu kigere kye, awande amalusu mu maaso ge; addemu ayogere nti Bwe kityo bwe kinaakolerwanga, omusajja atazimba nnyumba ya muganda we.
- 10 Era erinnya lye liyitibwenga mu Isiraeri nti Nnyumba y'oyo eyanaanulirwa engatto.
- 11 Abasajja bwe babanga balwana bokka na bokka, mukazi w'omu n'asembera okulokola bba mu mukono gw'oyo amukuba, n'agolola omukono gwe, n'amukwata wamberi:
- 12 omutemangako omukono, eriiso lyo terisaasiranga.
- 13 Tobanga na bya kupima ebitali bimu, ekinene n'ekitono, mu nsawo yo.
- 14 Tobanga na bigero ebitali bimu, ekinene n'ekitono; mu nnyumba yo.
- 15 Obenga n'eky'okupima ekituukirivu ekitasoba; obenga n'ekigero ekituukirivu ekita-soba: ennaku zo zibenga nnyingi mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa.
- 16 Kubanga bonna abakola ebiri ng'ebyo, bonna abakola ebitali bya butuukirivu, muzizo eri Mukama Katonda wo.
- 17 Jjukira Amaleki bwe yakukolera mu kkubo bwe mwali nga muva mu Misiri;
- 18 bwe yakusanga mu kkubo, n'atta abasembi ennyuma wo, abanafu bonna ab'ennyuma, bwe wazirika era ng'okooye; n'ataty Katonda.
- 19 Awo olulituuka, Mukama Katonda wo bw'aliba ng'akuwadde okuwummula eri abal-abe bo bonna enjuyi zonna, mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obusika okugirya; kyoliva osangula okujjukizibwa kwa Amaleki wansi w'eggulu: teweerabi-ranga.

Essuula 26

- 1 Awo olulituuka, bw'oliba ng'oyingidde mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa okuba obusika, n'ogirya, n'otuula omwo;
- 2 olitoola ku bibereberye by'ebibala byonna eby'ettaka, by'oliggya mu nsi yo Mukama Katonda wo gy'akuwa: n'obiteeka mu kibbo, n'ogenda mu kifo Mukama Katonda wo ky'alayeroza okutuuzza omwo erinnya lye.
- 3 Era olijja eri kabona alibaawo mu biro ebyo, n'omugamba nti Njatulidde leero Mukama Katonda wo: nga nnyingidde mu nsi Mukama gye yalayirira bajjajja baffe okugituwa.
- 4 Kale kabona alitoola ekibbo ng'akiggya mu mukono gwo; n'akissa wansi mu maaso

g'ekyoto kya Mukama Katonda wo.

- 5 Naawe oliddamu n'oyogera mu maaso ga Mukama Katonda wo nti Omusuuli eyali ng'anaatera okubula ye yali kitange, n'aserengeta mu Misiri, n'atuula omwo, omuwendo gwe nga mutono; n'afuuka eyo eggwanga, eddene, ery'amaanyi, eryayala.
- 6 Abamisiri ne batukola bubu, ne batubonyaabonya, ne batuteekako obuddu obukakanyavu:
- 7 ne tukoowoola Mukama Katonda wa bajjajja baffe, Mukama n'awulira eddoozi lyaffe, n'alaba okubonaabona kwaffe, n'okutegana kwaffe, n'okujoogebwa kwaffe:
- 8 Mukama n'atuggya mu Misiri n'engalo ez'amaanyi n'omukono ogwagololwa, n'entisa ennyingi, n'obubonero n'eby'amagero:
- 9 n'atuyingiza mu kifo muno, n'atuwa ensi eno, ensi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki.
- 10 Era kaakano, laba, ndeese ebibereberye eby'oku bibala by'ettaka, ly'ompadde ggwe, ai Mukama. Era olibiteeka wansi mu maaso ga Mukama Katonda wo n'osinza mu maaso ga Mukama Katonda wo:
- 11 era olisanyukira ebirungi byonna Mukama Katonda wo by'akuwadde ggwe n'ennyumba yo, ggwe n'Omuleevi ne munnaggwanga ali wakati wo.
- 12 Bw'onoomalanga okusolooza ekitundu eky'ekkumi eky'ekyengera kyo kyonna mu mwaka ogw'okusatu, gwe mwaka ogusoloozebwamu ekitundu eky'ekkumi, n'olyoka okiwa Omuleevi, ne munnaggwanga, n'atalina kitaawe, ne nnamwandu, baliire munda w'enzigi zo bakkute;
- 13 era onooyogeranga mu maaso ga Mukama Katonda wo nti Ebintu ebyatukuzibwa mbiggye mu nnyumba yange; era mbiwadde Omuleevi, ne munnaggwanga, n'atalina kitaawe, ne nnamwandu, ng'ekiragiyo kyo kyonna bwe kiri kye wandagira: sisobezza ku biragiyo byonna kimu, so sibyerabidde:
- 14 sikiryangako nga nkyali mu nnaku zange, so sikiterekangako nga siri mulongoofu, so sikiwangako olw'abafu: nnawulira eddoozi lya Mukama Katonda wange, nkoze nga byonna bwe biri bye wandagira.
- 15 Tunula ng'oyima mu kifo kyo ekitukuvu mw'otuula, mu ggulu, owe omukisa abantu bo Isiraeri, n'ettaka ly'otuwadde, nga bwe walayirira bajjajja baffe, ensi ekulukuta n'amata n'omubisi gw'enjuki.
- 16 Leero Mukama Katonda wo akulagira okukolanga amateeka gano n'emisango: kyonoovanga obyekuuma n'obikola n'omutima gwo gwonna n'emmeeme yo yonna.
- 17 Oyatudde leero Mukama nga ye Katonda wo, era ng'onootambuliranga mu makubo ge, ne weekuumanga amateeka ge n'ebiragiyo bye n'emisango gye; n'owuliranga eddoozi lye:
- 18 era Mukama ayatudde leero ggwe okubeeranga eggwanga ery'envuma eri ye yennyini, nga bwe yakusuubiza, era weekuumanga ebiragiyo bye byonna;
- 19 era akugulumizenga okusinga amawanga gonna ge yakola, olw'ettendo n'olw'erinnya n'olw'ekitiibwa; era obeerenga eggwanga ettukuvu eri Mukama Katonda wo; nga bwe yayogera.

Essuula 27

- 1 Awo Musa n'abakadde ba Isiraeri, ne balagira abantu, nga boogera nti Mwekuumanga ekiragiyo kyonna kye mbalagira leero.
- 2 Kale olulituuka ku lunaku olwo lwe mulisomoka Yoludaani okuyingira mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, olyesimbira amayinja amanene, n'ogasiigako ennoni:
- 3 era oliwandiika ku go ebigambo byonna eby'amateeka gano, bw'olimala okusomoka;

olyoke oyingire mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, nga Mukama, Katonda wa bajjajja bo, bwe yakusuubiza.

- 4 Awo olulituuka bwe muliba nga musomose Yoludaani; ne mulyoka musimba amayinja gano, ge mbalagira leero, ku lusozi Ebali, n'ogasiigako ennoni.
- 5 Era olizimbira eyo ekyoto kya Mukama Katonda wo, ekyoto eky'amayinja: togayimu-sangako kintu kya kyuma.
- 6 Ekyoto kya Mukama Katonda wo onookizimbyanga amayinja agatali mateme: era okwo kw'onooweeranga ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama Katonda wo:
- 7 era onoosalanga ebiweebwayo olw'emirembe, n'oliiranga eyo; era onoosanyukiranga mu maaso ga Mukama Katonda wo.
- 8 Era oliwandiikira ddala bulungi ku mayinja ago ebigambo byonna eby'amateeka gano.

- 9 Awo Musa ne bakabona Abaleevi ne bagamba Isiraeri yenna nti Musirike, muwulire, ggwe Isiraeri; leero ofuuse eggwanga lya Mukama Katonda wo.
- 10 Kyonoovanga ogondera eddoozi lya Mukama Katonda wo, n'okolanga ebiragiro bye n'amateeka ge, bye nkulagira leero.
- 11 Awo Musa n'akuutiira abantu ku lunaku olwo, ng'ayogera nti
- 12 Bano be baliyimirira ku lusozi Gerizimu okusabira abantu omukisa nga mumaze okusomoka Yoludaani; Simyoni, ne Leevi, ne Yuda, ne Isakaali, ne Yusufu, ne Benyamini:
- 13 era bano be baliyimirira ku lusozi Ebali olw'okukolima; Lewubeetu; Gaadi, ne Aseri, ne Zebbulooni; Ddaani, ne Nafutaali.
- 14 Kale Abaleevi baliddamu ne bagamba abasajja bonna aba Isiraeri n'eddoozi ddene nti
- 15 Akolimirwe omuntu akola ekifaananyi ekyole oba ekifumbe, eky'omuzizo eri Mukama; omulimu gw'engalo z'omukozi, n'akisimba mu kyama. Abantu bonna ne baddamu ne bagamba nti Amiina.
- 16 Akolimirwe oyo anyooma kitaawe oba nnyina. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 17 Akolimirwe oyo ajjulula ensalo ya muliraanwa we. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 18 Akolimirwe oyo akyamya omuzibe w'amaaso okuva mu kkubo. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 19 Akolimirwe oyo akyamya ensonga eya munnaggwanga n'atalina kitaawe ne nnamwandu. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 20 Akolimirwe oyo asula ne mukazi wa kitaawe; kubanga abikkudde olukugiro lwa kitaawe. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina:
- 21 Akolimirwe oya asula n'ensolo yonna yonna. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 22 Akolimirwe oyo asula ne mwannyina, muwala wa kitaawe oba muwala wa nnyina. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 23 Akolimirwe oyo asula ne mukoddomi we. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 24 Akolimirwe oyo akuba muliraanwa we mu kyama. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 25 Akolimirwe oyo alya empeera olw'okuttisa omuntu ataliiko musango. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.
- 26 Akolimirwe oyo atanyweza bigambo by'amateeka gano okubikolanga. Abantu bonna ne bagamba nti Amiina.

Essuula 28

- 1 Awo olunaatuukanga, bw'onoonyiikiranga okuwulira eddoozi lya Mukama Katonda

- wo, okukwata ebiragiyo bye byonna bye nkulagira leero, okubikolanga, Mukama Katonda wo anaakugulumizanga okusinga amawanga gonna agali ku nsi:
- 2 n'emikisa gino gyonna ginaakujjiranga ginaakutuukangako, bw'onoowuliranga eddo-boozi lya Mukama Katonda wo.
 - 3 Onoobanga n'omukisa mu kibuga, era onoobanga n'omukisa mu kyalo.
 - 4 Ekibala ky'omubiri gwo kinaabanga n'omukisa, n'ekibala ky'ettaka lyo, n'ekibala ky'ekisibo kyo, ezzadde ly'ente zo n'abaana b'embuzi zo.
 - 5 Ekibbo kyo kinaabanga n'omukisa n'olutiba lwo olw'okugoyeramu.
 - 6 Onoobanga n'omukisa bw'onooyingiranga, era onoobanga n'omukisa bw'onoofulumanga:
 - 7 Mukama anaakubiranga mu maaso go abalabe bo abakugolokokerako: banaafulumanga okukutabaala mu kkubo limu, ne baddukanga mu maaso go mu makubo musanvu.
 - 8 Mukama anaalagiranga omukisa okuba ku ggwe mu mawanika go, ne mu byonna by'oteekako omukono gwo; era anaakuweeranga omukisa mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa.
 - 9 Mukama anaakunywezanga okuba eggwanga ettukuvu eri ye, nga bwe yakulayirira; bw'onookwatanga ebiragiyo bya Mukama Katonda wo n'otambuliraaga mu makuboge.
 - 10 Awo amawanga gonna ag'oku nsi ganaalabanga ng'otuumiddwa erinnya lya Mukama; ne gakutyanga:
 - 11 Era Mukama anaakugaggawazanga olw'ebirungi, mu bibala by'omubiri gwo ne mu bibala by'ensolo zo ne mu bibala by'ettaka lyo; mu nsi Mukama gye yalayirira bajjajja bo okukuwa.
 - 12 Mukama anaakuggulirangawo etterekero lye eddungi eggulu okugaba enkuba y'ensiyomu budde bwayo, n'okuwa omukisa omulimu gwonna ogw'omukono gwo: era onoowolanga amawanga mangi; so teweevolanga.
 - 13 Era Mukama anaakufuulanga omutwe so si mukira; era onoobanga waggulu wokka so si wansi; bw'oti onowuliranga ebiragiyo bya Mukama Katonda wo; bye nkukuutira leero, okubikwatanga n'okubikolanga;
 - 14 n'olema okukyamanga; okuva mu kigambo kyonna ku ebyo bye mbalagira leero, okugenda ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono, okugoberera bakatonda abalala okubaweereza:
 - 15 Naye olulituuka, bw'otoliwulira ddooboozi lya Mukama Katonda wo, okukwata ebiragiyo bye byonna n'amateeka ge bye nkulagira leero okubikola; ebikolimo bino byonna birikujjira, birikutuukako.
 - 16 Olikolimirwa mu kibuga, era olikolimirwa mu kyalo.
 - 17 Ekibbo kyo kirikolimirwa n'olutiba lwo olw'okugoyeramu.
 - 18 Ebibala by'omubiri gwo birikolimirwa, n'ebibala by'ettaka lyo, ezzadde ly'ente zo, n'abaana b'embuzi zo.
 - 19 Onookolimirwanga bw'onooyingiranga era onookolimirwanga bw'onoofulumanga.
 - 20 Mukama anaakusindikangako okukolimirwa n'okulemwa n'okunyenyezebwa; mu byonna by'oteekako omukono gwo okukola, okutuusa lw'olizikirizibwa, n'okutuusa lw'olifaafaagana amangu; olw'obubi bw'ebikolwa byo ebyakunsengusa.
 - 21 Mukama anaakulwazanga kawumpuli yeegattenga naawe okutuusa lw'alikumalawo okuva ku nsi, gy'oyingiramu okugirya.
 - 22 Mukama anaakukubanga akakono, n'omusujja, n'okuzimba, n'okwokya okungi, n'ekitala, n'okwonooneka, n'okugengewala; era binaakugobereranga okutuusa lw'olizikirira.
 - 23 N'eggulu lyo eriri waggulu ku mutwe gwo linaabanga kikomo, n'ettaka eriri wansi wo

linaabanga kyuma.

- 24 Mukama anaafuulanga enkuba ey'ensi yo okuba effufugge n'enfuufu: mu ggulu mw'enaavanga okukka ku ggwe, okutuusa lw'olizikirizibwa.
- 25 Mukama anaakukubanga mu maaso g'abalabe bo: onoofulumanga okubatabaala mu kkubo limu, era onoddukanga mu makubo musanvu mu maaso gaabwe: era onooyuu-ganyizibwanga eruuyi n'eruyi mu bwakabaka bwonna obw'ensi:
- 26 N'omulambo gwo gunaabanga kya kulya kya nnyonyi zonna ez'omu bbanga, era kya nsolo ez'oku nsi, so tewaabengawo aliziguumula.
- 27 Mukama anaakuleetangako ejjute ery'e Misiri, n'amabwa, n'olukonvuba n'obuwere ebitakuwonyezekako:
- 28 Mukama anaakuleetangako eddalu n'obuzibe bw'amsaso n'okusamaalirira kw'omutima:
- 29 era onoowammantanga mu ttuntu, ng'omuzibe w'amaaso bw'awammantira mu kizikiza; so toolabenga mukisa mu makubo go: era onoojoogebwanga bujoogebwa era ononyagibwanga ennaku zonna, so tewaabengawo anaakulokola.
- 30 Onooyogerezanga omukazi, n'omulala anaasulanga naye: onoozimbanga ennyumba, so toobeerenga omwo: onoosimbanga olusuku lw'emizabbibu, so toolyenga bibala byalwo.
- 31 Ente yo enettirwanga mu maaso go, so toogiryengako: endogoyi yo eneenyagibwanga lwa maanyi mu maaso go, so teekuddizibwanga: endiga zo zinaagabirwanga abalabe bo, so toobengako anaakulokolanga.
- 32 Batabani bo ne bawala bo banaagabirwanga eggwanga eddala, era amaaso go ganaatunulanga ganaazibanga olw'okubeegomba okuzibya obudde: so tewaabengawo kintu ekinaabanga mu buyinza bw'omukono gwo.
- 33 Ebibala by'ettaka lyo, n'emirimu gyo gyonna, eggwanga ly'otomanyi liribirya; era onoojoogebwanga bujoogebwa era onoobetentebwanga ennaku zonna:
- 34 n'okulaluka n'olaluka olw'okulaba kw'amaaso go kw'onoolabanga.
- 35 Mukama anaakulwazanga amaviivi n'amagulu ejjute ebibi, ly'otowonyezeka, okuva munda w'ekigere kyo okutuusa ku bwezinge bw'omutwe gwo.
- 36 Mukama anaakuleetanga ggwe ne kabaka gw'oliyimusa okukufuga, eri eggwanga ly'otomanyanga ggwe newakubadde bajjajja bo; era onooweererezanga eyo bakatonda abalala, emiti n'amayinja.
- 37 Era onoofuukanga ekyewuunyo, olugero, n'ekigambo eky'obuwemu mu mawanga gonna Mukama gy'anaakutwalanga.
- 38 Onoofulumyanga mu animiro ensigo nnyingi, onooyingizanga ntono; kubanga enzige enegiryanga:
- 39 Onoosimbanga ensuku z'emizabbibu n'ozirima, naye toonywenga ku nvinnyo yaamu newakubadde okukungula; kubanga akawuka kanaagiryanga.
- 40 Onoobanga n'emizeyituuni mu nsalo zo zonna, naye toosaabenga mafuta gaagyo; kubanga omuzeyituuni gwo gunaakunkumulanga ebibala byagwo.
- 41 Olizaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, naye tebaabenga babo; kubanga balitwalibwa mu busibe:
- 42 Emiti gyo gyonna n'ebibala by'ettaka lyo enzige eneebiryanga.
- 43 Munnaggwanga ali wakati mu ggwe aneeyongerayongeranga okulinyi waggulu okukusinga; naawe oneeyongerayongeranga okukka wansi.
- 44 Anaakuwolanga; naawe toomuwolanga: anaabanga mutwe, naawe onoobanga mukira.
- 45 Era ebikolimo ebyo byonna binaakujjiranga binaakugobereranga binaakutuukangako okutuusa lw'olizikirizibwa; kubanga tewawulira ddooboozi lya Mukama Katonda wo, okukwata ebiragi bye n'amateeka ge bye yakulagira:
- 46 era binaabanga ku ggwe okuba akabonero n'ekyewuunyo, ne ku zzadde lyo ennaku

zonna:

- 47 kubanga tewaweereza Mukama Katonda wo n'essanyu era n'omutima ogujaguza, olw'ebintu byonna okuba ebingi:
- 48 kyonoovanga oweereza abalabe bo Mukama b'anaasindikanga okukulumba, ng'olumwa enjala n'ennyonta, era ng'oli bwereere, era ng'obulwa ebintu byonna: era anaateekanga ekikoligo eky'ekyuma ku nkoto yo, okutuusa lw'alimala okukuzikiriza.
- 49 Mukama alikuleetako eggwanga ng'aliggya wala mu nkomerero y'ensi, ng'empungu bw'ebuuka; eggwanga ly'otolitegeera lulimi lwalyo;
- 50 eggwanga ery'obwenyi obukambwe, eritalitya maaso ga bakadde, so teririsaasira bato:

- 51 anaalyanga ebibala by'ensolo zo, n'ebibala by'ettaka lyo, okutuusa lw'olizikirizibwa: era eritalikulekera aano, newakubadde envinnyo, newakubadde amafuta, ezzadde ly'ente zo, newakubadde abaana b'embuzi zo, okutuusa lw'alikuzikiriza:
- 52 Era anaakuzingizanga mu miryango gyo gyonna, okutuusa enkomera zo empaavu eziriko ebigo ze weesiga lwe zirigwa mu nsi yo yonna: era alikuzingiza mu miryango gyo gyonna wmu nsi yo yonna, Mukama Katonda wo gy'akuwadde:
- 53 Era onoolyanga ebibala by'omubiri gwo ggwe, ennyama y'abaana bo ab'obulenzi n'ab'obuwala Mukama Katonda wo b'akuwadde; mu kuzingizibwa ne mu kuziyizibwa abalabe bo kwe banaakuziyizanga;
- 54 Omusajja omugonvu mu mmwe era omwenaanyi ennyo, eriiso lye linaabanga bbi eri muganda we n'eri omukazi ow'omu kifuba kye, n'eri abaana be abasigadde abakyalivo:
- 55 n'obutawa n'atawa muntu yenna ku bo ku nnyama y'abaana be b'anaalyanga nga taliiko ekimusigalidde; mu kuzingizibwa ne mu kuziyizibwa omulabe wo kw'anaakuziyizanga mu miryango gyo gyonna.
- 56 Omukazi omugonvu mu mmwe era omwenaanyi, ataganya kulinyisa ku ttaka kigere kye olw'okwenaanya n'obugonvu, eriiso lye linaabanga bbi eri bba ow'omu kifuba kye, n'eri mutabani we, n'eri muwala we;
- 57 n'eri omwana we omuto afuluma wakati w'ebigere bye, n'eri abaana be b'alizaala; kubanga anaabalyanga nkiso olw'okubulwa ebintu byonna: mu kuzingizibwa ne mu kuziyizibwa omulabe wo kw'anaakuziyizanga mu miryango gyo.
- 58 Bw'otookwatenga bigambo byonna eby'omu mateeka gano ebiwandiikiddwa mu kitabo kino okubikolanga, olyoke otyenga erinnya lino ery'ekitiibwa era ery'entiisa, Mukama Katonda wo;
- 59 awo Mukama anaafuulanga ebibonyoobonyo eby'ekitalo, n'ebibonyoobonyo by'ezzadde lyo, ebibonyoobonyo ebinene era ebirwawo ennyo, era endwadde enkambwe era ezirwawo ennyo.
- 60 Era anaakuleetangako nate endwadde zonna ez'e Misiri ze watyanga; era zineegat-tanga naawe.
- 61 Era na buli ndwadde na buli kibonyoobonyo ekitawandiikiddwa mu kitabo eky'ama-teeka gano, ebyo Mukama anaabikuleetangako, okutuusa lw'olizikirizibwa.
- 62 Era mulisigalawo omuwendo gwammwe nga mutono, newakubadde nga mwali ng'emmunyeenze ez'omu ggulu olw'obungi; kubanga tewawulira ddooboozi lya Mukama Katonda wo.
- 63 Awo olunaatuukanga Mukama nga bwe yabasanyukirako okubakola obulungi n'okubaaza; bw'atyo Mukama anaabasanyukirangako okubazikiriza n'okubafaafaa-ganya; era munaggibwangako okuva ku nsi gy'oyingira okugirya.
- 64 Era Mukama anaakusaasaanyanga mu mawanga gonna; okuva ku nkomerero y'ensi okutuusa ku nkomerero y'ensi; era onooweererezanga eyo bakatonda abalala b'otomanyanga ggwe newakubadde bajjajja bo, emiti n'amayinja.

- 65 Era mu mawanga ago toliraba kwesiima kwonna, so n'ekigere kyo tekiibengako we kirinnya okuwummula: naye Mukama anaakuwanga omutima ogukankana, n'amaaso agaziba, n'emmeeme ekoozimba,
- 66 n'obulamu bwo bunaabuusibwabuusibwanga mu maaso go; era onootyanga emisana n'ekiro, so toobengako kw'otegeerera obulamu bwo bwe bunaaba:
- 67 enkya onooyogeranga nti Singa buwungedde! era akawungeezi onooyogeranga nti Singa bukedde! olw'okutya kw'omutima gwo kw'onootyanga, n'olw'okulaba kw'amaaso go kw'onoolabanga.
- 68 Era Mukama alikuzza mu Misiri nate n'amaato, mu kkubo lye nnakugambako nti Toliriraba nate mulundi gwa kubiri: era eyo mulyetunda eri abalabe bammwe okuba abaddu n'abazaana, so tewaabengawo muntu anaabagulanga.

Essuula 29

- 1 Ebyo bye bigambo eby'endagaano Mukama gye yalagira Musa okulagaana n'abaana ba Isiraeri mu nsi ya Mowaabu, obutassaako ndagaano gye yalagaana nabo ku Kolebu.
- 2 Era Musa n'ayita Isiraeri yenna n'abagamba nti Mwalaba byonna Mukama bye yakolera mu maaso gammwe mu nsi y'e Misiri eri Falaawo n'eri abaddu be bonna n'eri ensi ye yonna;
- 3 okukema okukulu amaaso go kwe gaalaba, n'obubonero, n'eby'amagero biri ebikulu:
- 4 naye Mukama tabawadde mutima gwa kutegeera n'amaaso ag'okulaba n'amatu ag'okuwulira ne leero.
- 5 Nange naakamaze emyaka ana nga mbakulembera mu ddungu: ebyambalo byammwe tebikaddiye ku mmwe, n'engatto yo tekaddiye ku kigere kyo.
- 6 Temwalyanga ku mmere so temwanywanga ku mwenge newakubadde ekitamiiza: mulyoke mumanye nga nze Mukama Katonda wammwe:
- 7 Era bwe mwatuuka mu kifo kino, Sikoni kabaka w'e Kesuboni ne Ogi kabaka We Basani ne basitula okulwana naffe, ne tubatta:
- 8 ne tulya ensi yaabwe, ne tugiwa Abalewubeeni n'Abagaadi n'ekitundu ky'ekika ky'Abamanase, okuba obutaka.
- 9 Kale mwekuumenga ebigambo eby'endagaano eno, mubikolenga; mulyoke mulabenga omukisa mu byonna bye mukola.
- 10 Muyimiridde leero mwenna mu maaso ga Mukama Katonda wammwe; abakulu bammwe, ebika byammwe, abakadde bammwe, n'abaami bammwe, be basajja bonna aba Isiraeri,
- 11 abaana bammwe abato, abakazi bammwe, ne munnaggwanga wo ali wakati mu nsi-isira zo; okuva ku mutyabi w'enku zo okutuuka ku musenyi w'amazzi go:
- 12 olagaane endagaano ya Mukama Katonda wo ne mu kirayiro kye, by'alagaana naawe leero:
- 13 akunyweze leero gy'ali ye okubanga eggwanga, era abeerenga Katonda gy'oli, nga bwe yakugamba, era nga bwe yalayirira bajjajja bo Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo.
- 14 So siragaana ndagaano eno ne ndayira ekirayiro kino eri mmwe mwekka;
- 15 naye eri oyo ayimiridde wano awamu naffe leero mu maaso ga Mukama Katonda waffe, era n'eri oyo atali wano wamu naffe leero:
- 16 (kubanga mumaayi bwe twatuulanga mu nsi y'e Misiri; era bwe twaggukira wakati mu mawanga ge mwayitamu;
- 17 era mwalabanga eby'emizizo byabwe, n'ebifaanaayi byabwe, emiti n'amayinja, effeeza n'ezaabu, ebyali mu bo;)
- 18 walemenga okuba mu mmwe omusajja oba mukazi oba nnyumba oba kika, akyamyama

omutima gwe leero okuva ku Mukama Katonda waffe, okugenda okuweereza bakatonda ab'amawanga gali; walemenga okuba mu mmwe ekikolo ekibala akalulwe ne abusinso;

- 19 era olunaatuukanga ng'awulira ebigambo eby'ekikolimo kino, ne yeenyumiriza mu mutima gwe, ng'ayogera nti Naabanga n'emirembe ne bwe nnaatambuliranga mu bukakanyavu bw'omutima gwange, okuzikiriza oyo atobye wamu n'omukalu:
- 20 Mukama taamusonyiwenga; naye obusungu bwa Mukama n'obuggya bwe ne biryoka binyookera omusajja oyo, n'ekikolimo kyonna ekiwandiikiddwa mu kitabo kino kinaamubangako, era Mukama anaasangulanga erinnya lye okuliggya wansi w'eggulu.
- 21 Era Mukama anaamwawuliranga obubi okumuggya mu bika byonna ebya Isiraeri, ng'ebikolimo byonna bwe biri eby'endagaano ewandiikiddwa mu kitabo kino eky'amateeka.
- 22 Era ezzadde eririddawo abaana bammwe abaliyimuka okubaddirira, ne munnaggwanga aliva mu nsi y'ewala, balyogera, bwe baliraba ebibonyoobonyo by'ensi eyo n'endwadde Mukama z'agirwazizza;
- 23 era ng'ensi yaayo yonna kibiriiti na munnyo na kusiriira, nga si nsige, so tebala, so n'omuddo gwonna tegumera omwo, ng'okusuulibwa kw'e Sodomu ne Ggomola, Aduma ne Zeboyimu, Mukama bye yasuala mu busungu bwe ne mu kiruyi kye:
- 24 amawanga gonna galyogera nti Mukama ekimukozezza ensi eno bwe kityo kiki? okwokya kw'obusungu buno obungi makulu ki?
- 25 Abantu ne balyoka boogera nti Kubanga baaleka endagaano ya Mukama, Katonda wa bajjajja baabwe, gye yalagaana nabo bwe yabaggya mu nsi y'e Misiri;
- 26 ne bagenda ne baweereza bakatonda abalala, ne babasinza, bakatonda be baali tebamanyi, era be yali tabawadde
- 27 obusungu bwa Mukama kye bwava bubuubuuka ku nsi eno, okugireetako ekikolimo kyonna ekiwandiikiddwa mu kitabo kino;
- 28 kale Mukama n'abasimbula mu nsi yaabwe, mu busungu ne mu kiruyi ne mu kunyiiga okungi, n'abasuula mu nsi endala, nga leero.
- 29 Eby'ekyama biba bya Mukama Katonda waffe: naye ebibikkulibwa biba byaffe era bya baana baffe, emirembe gyonna; tulyoke tukolenga ebigambo byonna eby'omu mateeka gano.

Essuula 30

- 1 Awo olunaatuukanga, ebyo byonna bwe birimala okukujjira, omukisa n'ekikolimo, bye ntadde mu maaso go, naawe bw'onoobijjukiranga mu mawanga gonna Mukama Katonda wo gy'akugobedde,
- 2 n'okomawo eri Mukama Katonda wo, n'ogondera eddoozi lye nga byonna bwe biri bye nkulagira leero, ggwe n'abaana bo, n'omutima gwo gwonna, era n'emmeeme yo yonna;
- 3 Mukama Katonda wo n'alyoka akyusa okunyagibwa kwo; n'akusaasira, n'akomawo n'akukuaanya ng'akuggya mu mawanga gonna, Mukama Katonda wo gye yakusaasaanyiza.
- 4 Omuntu yenna ku babo abaagobebwa bw'aba ng'ali mu nsonda z'eggulu, Mukama Katonda wo anaakuggyanga eyo okukukuaanya, era anaakukimanga eyo:
- 5 era Mukama Katonda wo anaakuyingizanga mu nsi bajjajja bo gye baalya, naawe oligirya; era alikukola bulungi, alikwaza okusinga bajjajja bo.
- 6 Era Mukama Katonda wo alikukomola omutima, n'omutima gw'ezzadde lyo, okwagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, olyoke

obe omulamu.

- 7 Era Mukama Katonda wo aliteeka ebikolimo ebyo byonna ku balabe bo, ne ku abo abaakuyawa, abaakuyigganyanga.
- 8 Era olikomawo n'ogondera eddoozi lya Mukama, n'okola ebiragiro bye byonna, bye nkulagira leero.
- 9 Era Mukama Katonda wo alikwaza mu mulimu gwonna ogw'omukono gwo, mu bibala by'omubiri gwo, ne mu bibala by'ekisibo kyo, ne mu bibala by'ettaka lyo, olw'obulungi: kubanga Mukama alikusanyukirako nate olw'obulungi, nga bwe yasanyukira ku bajjajja bo:
- 10 oba ng'oligondera eddoozi lya Mukama Katonda wo, okwekuumanga ebiragiro bye n'amateeka ge ebiwandiikiddwa mu kitabo kino eky'amateeka; oba ng'olikyukira Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'emmeeme yo yonna.
- 11 Kubanga ekiragiro kino kye nkulagira leero tekiiyinke kukukalubirira, so tekiri wala.
- 12 Tekiri mu ggulu n'okwogera n'oyogera nti Ani anaatulinyira mu ggulu, akituleetere, akituwulize, tulyoke tukikole?
- 13 So tekiri mitala w'ennyanya n'okwogera n'oyogera nti Ani alituwungukira ennyanya; akituleetere, akituwulize, tulyoke tukikole?
- 14 Naye ekigambo kikuli kumpi nnyo, mu kamwa ko ne mu mutima gwo olyoke okikolenga.
- 15 Laba, leero ntadde mu maaso go obulamu n'obulungi, n'okufa n'obubi;
- 16 kubanga nkulagira leero okwagalanga Mukama Katonda wo, okutambuliranga mu makubo ge, n'okwekuumanga ebiragiro bye n'amateeka ge n'emisango gye, olyoke obenga omulamu oyalenga era Mukama Katonda wo alyoke akuwenga omukisa mu nsi gy'oyingira okugirya.
- 17 Naye omutima gwo bwe gunaakyamanga n'ogaana okuwulira, naye n'osendebwasendebwanga n'osinzanga bakatonda abalala n'obaweerezanga;
- 18 mbategeereza ddala leero nga temulirema kuzikirira; temulimala nnaku zammwe nnyingi ku nsi gy'osomokera Yoludaani okuyingira okugirya.
- 19 Mpita eggulu n'ensi okuba abajulirwa gye muli leero, nga ntadde mu maaso go obulamu n'okufa, omukisa n'okukolimirwa: kale weeroboze obulamu, olyoke obenga omulamu, ggwe n'ezzadde lyo:
- 20 okwagalanga Mukama Katonda wo, okugonderanga eddoozi lye, n'okwegattanga naye: kubanga oyo bwe bulamu bwo, era kwe kuwangaala ennaku zo: olyoke otuulenga mu nsi Mukama gye yalayirira bajjajja bo, Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, okubawa.

Essuula 31

- 1 Awo Musa n'agenda n'abuulira Isiraeri yenna ebigambo ebyo.
- 2 N'abagamba nti Leero naakamaze emyaka kikumi mu abiri; sikyayinza kufuluma na kuyingira: era Mukama yaamba nti Tojja kusomoka Yoludaani ono.
- 3 Mukama Katonda wo y'alikukulembera okusomoka; ye alizikiriza amawanga gano mu maaso go, naawe oligalya: era Yoswa y'alikukulembera okusomoka, nga Mukama bwe yayogera.
- 4 Era Mukama alibakola nga bwe yakola Sikoni ne Ogi, bakabaka b'Abamoli, n'ensi yaabwe; be yazikiriza.
- 5 Era Mukama alibagabula mu maaso gammwe, nammwe mulibakola ng'ekiragiro kyonna bwe kiri kye mbalagidde.
- 6 Beera n'amaanyi, guma omwoyo, totya so tobatekemukira kubanga Mukama Katonda wo ye wuuyo agenda naawe; taakulekenga so taakwabulirenga.

- 7 Awo Musa n'ayita Yoswa n'amugamba mu maaso ga Isiraeri yenna nti Beera n'amaanyi, guma omwoyo: kubanga oligenda n'abantu bano mu nsi Mukama gye yalayirira bajjajja baabwe okubawa; era oligibasisa.
- 8 Mukama ye wuuyo abakulemba; anaabeeranga naawe, taakulekenga so taakwabulirenga: totya so totekemuka.
- 9 Awo Musa n'awandiika amateeka gano n'agawa bakabona abaana ba Leevi, abaasitulanga essanduuko ey'endagaano ya Mukama, n'abakadde bonna aba Isiraeri.
- 10 Awo Musa n'abalagira ng'ayogera nti Buli myaka musanvu bwe ginaggwangako, mu kiseera ekyatekebwawo eky'omwaka ogw'okusumululiramu, mu mbaga ey'ensiisira.
- 11 Isiraeri yenna nga bazze okulabikira mu maaso ga Mukama Katonda wo mu kifo ky'alyeroboza, onoosomeranga amateeka gano mu maaso ga Isiraeri yenna mu matu gaabwe.
- 12 Okuaanyanga abantu; abasajja n'abakazi n'abaana abato, ne munnaggwanga wo ali munda w'enzigi zo, bawulire, era bayige, era batye Mukama Katonda wammwe, era bakwatenga ebigambo byonna eby'amateeka gano okubikola;
- 13 era abaana baabwe; abatannamanya, bawulire era bayige okutyanga Mukama Katonda wammwe, ennaku zonna nga mukyatuula mu nsi gye musomokera Yoludaani okugirya.
- 14 Mukama n'agamba Musa nti Laba, ennaku zo ziri kumpi kikugwanire okufa: yita Yoswa, mweyanjule mu weema ey'okusisinkanirangamu, ndyoke mmulagire. Awo Musa ne Yoswa ne bagenda ne beeyanjula mu weema ey'okusisinkanirangamu.
- 15 Awo Mukama n'alabikira mu weema mu mpagi y'ekire: empagi y'ekire n'eyimirira waggulu w'oluggi lw'eweema.
- 16 Mukama n'agamba Musa nti Laba, olyebaka ne bajjajja bo; n'abantu bano baligolokoka ne bagenda nga bayenda okugoberera bakatonda abalala ab'omu nsi, gye bagenda okubeeranga mu bo wakati, era balindeka ne bamenya endagaano yange gye nnalagaana nabo.
- 17 Obusungu bwange ne bulyoka bubuubuuka ku bo ku lunaku luli, nange ndibaleka, era ndibakisa amaaso gange, era baliriibwa, n'obubi n'ennaku ennyingi biribajjira; n'okwogera ne boogera ku lunaku luli nti Obubi buno si kye buvudde butujjira kubanga Katonda waffe tali mu ffe?
- 18 Era sirirema kukisa maaso gange ku lunaku luli olw'obubi bwonna bwe baliba nga bakoze, kubanga bakyukidde bakatonda abalala.
- 19 Kale nno kaakano mwewandiikire oluyimba luno, era oluyigirize abaana ba Isiraeri: oluteeke mu bumwa bwabwe, oluyimba luno lubeeranga omujulirwa wange eri abaana ba Isiraeri.
- 20 Kubanga bwe ndiba nga mbayingizizza mu nsi gye nnalayirira bajjajja baabwe, eku-lukuta amata n'omubisi gw'enjuki; era bwe baliba nga balidde ne bakkuta, ne bagejja; ne balyoka bakyukira bakatonda abalala, ne babaweereza, ne banyooma nze, ne bamenya endagaano yange.
- 21 Awo olulituuka, obubi bungi n'ennaku bwe biriba nga bibajjidde, oluyimba luno lulitegeeza mu maaso gaabwe ng'omujulirwa; kubanga terulyerabirwa okuva mu bumwa bw'ezzadde lyabwe: kubanga manyi okulowooza kwabwe kwe bagoberera, ne kaakano, nga sinnabayingiza mu nsi gye nnalayirira.
- 22 Awo Musa n'awandiika oluyimba luno ku lunaku olwo, n'aluyigiriza abaana ba Isiraeri.
- 23 N'alagira Yoswa omwana wa Nuni, n'ayogera nti Beera n'amaanyi, guma omwoyo: kubanga oliyingiza abaana ba Isiraeri mu nsi gye nabalayirira: nange n'abeeranga wamu naawe.
- 24 Awo olwatuuka, Musa bwe yamalira ddala okuwandiika ebigambo eby'amateeka gano

- mu kitabo, okutuusa lwe byaggwa,
- 25 Musa n'alagira Abaleevi, abaasitulanga essanduuko y'endagaano ya Mukama ng'ayo-gera nti
 - 26 Muddire ekitabo kino eky'amateeka; mukiteeke ku mabbali g'essanduuko y'enda-gaano ya Mukama Katonda wammwe, kibeerenga eyo okuba omujulirwa gy'oli.
 - 27 Kubanga mmanyi obujeemu bwo n'ensingo yo enkakanyavu: laba, nga nkyali mulamu nga nkyali wamu nammwe leero, mwabanga mwagala okujeemera Mukama; temu-lyeyongera nnyo nga mmaze okufa?
 - 28 Mukuaanyize gye ndi abakadde bonna ab'ebika byammwe, n'abaami bammwe, ndyoke njogerere ebigambo bino mu matu gaabwe, era mpite eggulu: n'ensi okuba abajulirwa gye bali.
 - 29 Kubanga mmanyi nga mulyeyoonera ddala nga mmaze okufa, era mulikyama okuva mu kkubo lye nnabalagira; era obubi bulibabaako mu nnaku ez'enkomerero; kubanga mulikola ekiri mu maaso ga Mukama ekibi, okumusunguwaza olw'omulimu gw'emikono gyammwe.
 - 30 Era Musa n'ayogerera mu matu g'ekibiina kyonna ekya Isiraeri ebigambo eby'oluy-imba luno, okutuusa lwe byaggwa.

Essuula 32

- 1 Wulira, ggwe eggulu, nange naayogera; N'ensi ewulire ebigambo by'akamwa kange:
- 2 Okuyigiriza kwage kunaatonnya ng'enkuba, Okwogera kwange kunaagwa ng'omusulo; Ng'obukubakuba ku ssubi eggonvu, Era ng'oluwandaggirize ku muddo:
- 3 Kubanga naatendera erinnya lya Mukama: Muwe obukulu, Katonda waffe.
- 4 Lwazi, omulimu gwe gwatuukirira; Kubanga amakubo ge gonna musango: Katonda ow'obwesigwa atalina bubi, Wa mazima oyo era wa nsonga.
- 5 Baakolanga ebitali bya butuukirivu eri ye, si baana be, lye bbala lyabwe: Gye mirembe emikakanyavu egyakyama.
- 6 Bwe musasula Mukama bwe mutyo, Mmwe abantu abasirusiru abatalina magezi? Si ye kitaawo eyakugula? Ye yakukola, ye yakunyweza ye.
- 7 Jjukira ennaku ez'edda, Lowooza emyaka gy'emirembe emingi: Buuza kitaawo, anaakulaga; Abakadde bo, banaakubuulira.
- 8 Ali waggulu ennyo bwe yawa amawanga obusika bwabwe, Bwe yayawula abaana b'abantu: Yassaawo ensalo z'amawanga Ng'omuwendo bwe gwali ogw'abaana ba Isiraeri.
- 9 Kubanga omugabo gwa Mukama be bantu be; Yakobo: gwe muteeko gw'obusika bwe.
- 10 Yamusanga mu nsi ey'eddungu, Era mu kigumbo ekyereere ensolo we zikaabira; Yamwetooloolanga, Yamujjanjabanga. Yamukuumanga ng'emmune y'eriiso lye:
- 11 Ng'empungu esaasaanya ekisu kyayo, Epaapaalira ku bwana bwayo, Yayanjuluza ebiwaawaatiro bye, n'abatwala, N'abasilira ku byoya bye,
- 12 Mukama yekka Ye Yamukulembera, So tewabanga katonda, mulala wamu naye.
- 13 Yamulinnyisa ku bifo ebigulumivu eby'ensi, N'alya eky'engera eky'ennimiro; N'amunuunyanga omubisi gw'enjuki okuva mu lwazi, N'amafuta okuva mu lwazi olw'embaalebaale;
- 14 Omuzigo gw'ente n'amata g'endiga, N'amasavu g'abaana b'endiga, N'endiga ennume ez'engeri ey'e Basani, n'embuzi emmandwa; N'eaano eya ssava ng'amasavu g'ensigo; N'onywanga omwenge oguva mu musaayi gw'omuzabbibu.
- 15 Naye Yesuluuni n'asavuwala, n'asamba: Wasavuwala, wanenewala, wafuuka mun-yirivu: N'alyoka aleka Katonda eyamukola, N'anyooma Olwazi olw'obulokozi bwe.

- 16 Baamukwasanga obuggya ne bakatonda abalala, Baamusunguwazanga n'eby'emizizo.
- 17 Baawanga ssaddaaka balubaale abatali Katonda, Bakatonda be bataamanyanga, Bakatonda abaggya abaakajja bayimuke, Bajjajja bammwe be bataatyanga.
- 18 Lwazi eyakuzaala tomujjukira, Era weerabidde Katonda eyakuzaala.
- 19 Mukama n'akiraba n'abatamwa Olw'okusunguwaza kwa batabani be ne bawala be.
- 20 N'ayogera nti Naabakisa amaaso gange, Ndiraba enkomerero yaabwe bw'eriba: Kubanga gye mirembe egy'ekyejo ekingi, Abaana omutali kukkiriza.
- 21 Bankwasanga obuggya n'ekyo ekitali Katonda; Bansunguwazanga n'ebigambo byabwe ebitaliimu: Nange ndibakwasa obuggya eri abo abatali ggwanga; Ndibasunguwaza n'eggwanga essirusiru.
- 22 Kubanga omuliro gukoledde mu busungu bwange; Era gwase okutuuka mu magombe aga wansi ennyo, Era gwokya ensi n'ekyengerera kyayo, Era gukoleeza ensozi we zisibuka.
- 23 Ndibatumako obubi; Ndimalira obusaale bwange ku bo:
- 24 Balikoozimba n'enjala, n'okwokya okungi kulibamalawo, N'okuzikirira okukambwe; N'amannyo g'ensolo ndibasindikira, N'obusagwa bw'ebiyewalula eby'omu nfuufu.
- 25 Ebweru ekitala kinaabafuulanga bamulekwa, Ne mu bisenge entiisa; Kinaazikirizanga omulenzi era n'omuwala, Ayonka era n'omusajja ameze envi.
- 26 Nayogera nti Nandibasaasaanyizza wala, Nandimazeeyo okujjukirwa kwabwe mu bantu:
- 27 Singa saatya kusunguwaza kwa mulabe, Abaabakyawa baleme okwerimba, Baleme okwojera nti Omukono gwaffe gugulumizibwa, Era Mukama si y'akoze bino byonna:
- 28 Kubanga lye ggwanga eritamanyi kuteesa bigambo, So temuli kutegeera mu bo.
- 29 Singa ba magezi ne bategeera Ne balowooza enkomerero yaabwe ey'oluvannyuma!
- 30 Omu yandigobye atya olukumi; N'ababiri bandiddusizza batya akakumi, Lwazi waabwe singa teyatunda, Era Mukama singa teyabagabula?
- 31 Kubanga olwazi lwabwe terulianga olwazi lwaffe, Newakubadde abalabe baffe benyini nga be basala omusango.
- 32 Kubanga omuzabbibu gwabwe gwava ku muzabbibu ogw'e Sodoma, Ne mu nnimiro ez'e Ggomola: Ezabbibu zaabwe zabbibu za mususa, Ebirimba byazo bikaawa:
- 33 Omwenge gwabwe busagwa bwa misota, Era busagwa bukambwe bwa mbalasaasa.
- 34 Kino tekyaterekwa gye ndi, Nga kiteekeddwako akabonero mu bugagga bwange?
- 35 Okuwalana kwange, n'okusasula, Obudde bwe bulituuka ekigere kyabwe ne kiseerera: Kubanga olunaku lwabwe olw'okulaba ennaku luli kumpi: N'ebigenda okubajjira biryanguwa:
- 36 Kubanga Mukama alisalira abantu be omusango; Era alyejjusa olw'abaddu be; Bw'aliraba ng'obuyinza bwabwe buweddewo, So tewali asigaddewo, oba musibe oba atali musibe.
- 37 Era ayogera nti Bakatonda baabwe bali ludda wa, Olwazi lwe beesiganga;
- 38 Abaalyanga amasavu ag'essaddaaka zaabwe, Abaanywanga omwenge ogw'ekyo kye baawangayo ekyokunywa. Bagolokoke bababeere, Babe ekigo kyammwe,
- 39 Mulabe kaakano nga nze, nze wuuyo, So tewali katonda wamu nange: Nze nzita; era nze mpa obulamu; Nfumise, era mponya: So tewali ayinza okulokola okuggya mu mukono gwange:
- 40 Kubanga ngolola omukono gwange eri eggulu, Ne njogera nti Nga bwe ndi omulamu emirembe gyonna,
- 41 Bwe ndiwagala ekitala kyange ekimasamasa, Omukono gwange ne gukwata ku musango; Ndiwalana eggwanga ku balabe bange, Ndisasula abo abankyawa.
- 42 Obusaale bwange ndibutamiiiza omusaayi, N'ekitala kyange kirirya ennyama;

N'omusaayi gw'abo abattibwa n'abawambe, Okuva ku mutwe gw'abo abakulemba abalabe,

- 43 Musanyuke, mmwe amawanga, wamu n'abantu be. Kubanga aliwalana eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu be, Era alisasula abalabe be okubonerezebwa; Era alitangirira elisi ye, abantu be.
- 44 Musa n'ajja n'ayogerera ebigambo byonna eby'oluyimba luno mu matu g'abantu, ye ne Koseya omwana wa Nuni:
- 45 Musa n'amalira ddala okwogera ebigambo ebyo byonna eri Isiraeri yenna:
- 46 n'abagamba nti Muteeke omutima gwammwe ku bigambo byonna bye mbategeeza leero; bye muliragira abaana bammwe, okukwata ebigambo byonna eby'amateeka ago okubikolanga.
- 47 Kubanga si kigambo ekitaliimu gye muli kubanga bwe bulamu bwammwe, era olw'ekigambo ekyo kyemunaavanga muwangaala ennaku zammwe ku nsi gye musomokera Yoludaani okugirya.
- 48 Mukama n'agamba Musa ku lunaku olwo nti
- 49 Linnya ku lusozi luno Abalimu, ku lusozi Nebo, oluli mu nsi ya Mowaabu, olwolekera Yeriko; olengere ensi ya Kanani gye mpa abaana ba Isiraeri okuba obutaka:
- 50 ofiire ku lusozi lw'olinnyako, okuaanyizibwe eri abantu bo; nga Alooni muganda wo bwe yafiira ku lusozi Koola, n'akuaanyizibwa eri abantu be:
- 51 kubanga mwansobyako wakati mu baana ba Isiraeri ku mazzi ag'e Meriba mu Kadesi, mu ddungu Zini; kubanga temwantukuza wakati mu baana ba Isiraeri.
- 52 Kubanga olirengera ensi mu maaso go; naye toligendayo mu nsi gye mpa abaana ba Isiraeri.

Essuula 33

- 1 Era guno gwe mukisa Musa omusajja wa Katonda gwe yasabira abaana ba Isiraeri nga tannaba kufa.
- 2 N'ayogera nti Mukama yava ku Sinaayi, Era yabagolokokera ng'ava ku Seyiri; Yamasamasa okuva ku lusozi Palani, N'ava eri obukumi bw'abatukuvu: Ku mukono gwe ogwa ddyo kwaliko amateeka ag'omuliro gye bali:
- 3 Weewaawo, ayagala amawanga; Abatukuvu be bonna bali mu mukono gwo. Ne batu-ula ku bigere byo; Buli muntu aliweebwa ku bigambo byo.
- 4 Musa yatulagira amateeka, Obusika obw'ekibiina kya Yakobo.
- 5 Era yali kabaka mu Yesuluni. Emitwe gy'abantu bwe baakuaanyizibwa, Ebika byonna ebya Isiraeri wamu:
- 6 Lewubeeni abenga omulamu, alemenga okufa; Naye abasajja be babenga batono:
- 7 Era guno gwe mukisa gwa Yuda: n'ayogera nti Wulira Mukama, eddoozi lya Yuda, Omuyingize eri abantu be: N'emikono gye yeerwanirira; Era onoobanga mubezi eri abalabe be.
- 8 Ne ku Leevi n'ayogera nti Sumimu wo ne Ulimu wo biri n'omusajja wo atya Katonda, Gwe wakemera e Masa, Gwe wawakana naye ku mazzi ag'e Meriba;
- 9 Eyayogera ku kitaawe ne ku nnyina nti Simulabye; So teyakkiriza baganda be, So teyamanya baana be ye: Kubanga bakutte ekigambo kyo, Era beekuuma endagaano yo.
- 10 Banaayigirizanga Yakobo emisango gyo, Ne Isiraeri banaamuyigirizanga amateeka go: Banaateekanga eby'okwoteza mu maaso go, N'ekiweebwayo ekyokebwa ekiramba ku kyoto kyo.
- 11 Ebintu bye, Mukama, biwenga omukisa, Okkirize omulimu gw'emikono gye: Ofumitire ddala ebiwato byabwe abanaamugolokokerangako, N'abo abamukyawa balemenga

okugolokoka nate.

- 12 Ku Benyamini n'ayogera nti Omwagalwa wa Mukama anaatuulanga mirembe awali ye; Amubikkako okuzibya obudde, Era atuula wakati w'ebibegabega bye
- 13 Ne ku Yusufu n'ayogera nti Ensi ye eweebwe Mukama omukisa; Olw'ebiy'omuwendo omungi eby'omu ggulu, olw'omusulo, N'olw'ennyanja egalamira wansi,
- 14 N'olw'ebiy'omuwendo omungi eby'ebibala by'enjuba. N'olw'ebiy'omuwendo omungi ebiva mu kukula kw'emyezi,
- 15 N'olw'ebikulu eby'ensozi ez'edda, N'olw'ebiy'omuwendo omungi eby'ensozi ezitaggaawo.
- 16 N'olw'ebiy'omuweado omungi eby'ensi n'okujjula kwayo, N'ekisa ky'oyo eyatuula mu kisaka: Omukisa guje ku mutwe gwa Yusufu, Ne ku bwezinge bw'omutwe gw'oyo eyayawulibwa ne baganda be.
- 17 Ye nte ye embereberye, obukulu bwe bubwe; N'amayembe ge, mayembe ga mbogo: Aligasindisa amawanga gonna, enkomerero z'ensi: Era bwe bukumi bwa Efulayimu, Era ze nkumi za Manase.
- 18 Ne ku Zebbulooni n'ayogera nti Sanyuka, Zebbulooni; mu kifuluma kwo, Naawe, Isakaali, mu weema zo.
- 19 Baliyita amawanga eri olusozi; Banaaweeranga eyo ssaddaaka ez'obutuukirivu: Kubanga balinuuna okujjula kw'ennyanja, N'obugagga obukweke obw'omu musenyu.
- 20 Ne ku Gaadi n'ayogera nti Aweebwe omukisa oyo agaziya Gaadi; Atuula ng'empologoma enkazi, N'ataagula omukono; era obwezinge bw'omutwe.
- 21 Ne yeeterekerera omugabo ogw'olubereberye, Kubanga, eyo ekitundu eky'omugabi w'amateeka, kyaterekwa; N'ajja awamu n'emitwe gy'abantu, Yakola eby'obutuukirivu, ebya Mukama, N'emisango gye eri Isiraeri.
- 22 Ne ku Ddaani n'ayogera nti Ddaani mwana wa mpologoma, Abuuka okuva mu Basani.
- 23 Ne ku Nafutaali n'ayogera nti Ggwe Nafutaali, akkuse obuganzi, Anyiye omukisa gwa Mukama: Ggwe lya obugwanjuba n'obukiika obwa ddyo.
- 24 Ne ku Aseri n'ayogera nti Aseri aweebwe omukisa gw'abaana; Asiiimbwenga baganda be. Era annyikenga ekigere kye mu mafuta
- 25 Ebisiba byo binaabanga kyuma na lukomo; Era ng'ennaku zo, amaanyi go bwe ganaabanga bwe gatyo.
- 26 Tewali afaanana Katonda, ggwe Yesuluni, Eyeebagala ku ggulu olw'okukubeera, Era ku banga mu bukulu bwe obusinga:
- 27 Katonda ataggwaawo kye kifo ky'otuulamu, Era emikono egitaggaawo gikuwanirira: Naasimbulamu abalabe mu maaso go, Naayogera nti Zikiriza.
- 28 Era Isiraeri atuula mirembe, Oluzzi lwa Yakobo luli lwokka, Mu nsi ey'eaano n'omwenge; Weewaawo, eggulu lye litonnya omusulo.
- 29 Olina omukisa ggwe Isiraeri: Ani akufaanana ggwe, eggwanga eryalokolwa Mukama, Engabo ey'okubeerwa kwo, Era kye kitala eky'obukulu bwo obusinga! Era abalabe bo balikujeemulukukira; Naawe olirinnya ku bifo byabwe ebya waggulu.

Essuula 34

- 1 Awo Musa n'ava mu nsenyi za Mowaabu n'alinnya ku lusozi Nebo, ku ntikko ya Pisuga, olwolekera Yeriko: Mukama n'amulaga ensi yonna eye Giriyaadi okutuusa ku Ddaani;
- 2 ne Nafutaali yonna, n'ensi, ya Efulayimu ne Manase, n'ensi yonna eya Yuda okutuusa ku nnyanja ey'emabega;

- 3 n'Obukiika obwa ddyo, n'Olusenyi olw'ekiwonvu eky'e Yeriko ekibuga eky'enkindu okutuusa ku Zowaali.
- 4 Mukama n'amugamba nti Eyo ye nsi gye nnalayirira Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, nga njogera nti Ndigiwa ezzadde lyo nkugirengezezza n'amaaso go, naye tolisomoka kugendayo.
- 5 Awo Musa omuddu wa Mukama n'afiira eyo mu nsi ya Mowaabu, ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali.
- 6 N'amuziika mu kiwonvu mu nsi ya Mowaabu awoolekera e Besupyoli: naye tewali muntu amanyi amalaalo ge ne leero.
- 7 Era Musa yali yaakamaze emyaka kikumi mu abiri bwe yafa; eriiso lye lyali terizibye, so n'amaanyi ge ag'obuzaaliranwa gaali tegakendeddeeko.
- 8 Abaana ba Isiraeri ne bakaabira Musa amaziga mu nsenyi za Mowaabu ennaku asatu kale ennaku ez'okukaabiramu nga banakuwalira Musa ne ziggwa.
- 9 Era Yoswa omwana wa Nuni yali ajjudde omwoyo ogw'amagezi; kubanga Musa yali amutaddeko emikono; abaana ba Isiraeri ne bamuwuliranga, ne bakola nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 10 Era tewannayimuka mu Isiraeri nabbi afaanana Musa, Mukama gwe yamanya ng'alabagana n'amaaso:
- 11 mu bubonero obwo bwonna n'eby'amagero, Mukama bye yamutuma okukola mu nsi y'e Misiri, eri Falaawo, n'eri abaddu be bonna, n'eri ensi ye yonna;
- 12 ne mu mukono ogwo gwonna ogw'amaanyi, ne mu ntiisa eyo yonna ennene, Musa gye yakoleranga mu maaso ga Isiraeri yenna.

Yoswa

Essuula 1

- 1 Awo olwatuuka Musa omuweereza wa Mukama bwe yamala okufa, Mukama n'agamba Yoswa, omwana wa Nuni, omuweereza wa Musa, ng'ayogera nti
- 2 Musa, omuweereza wange, afudde; kale kaakano golokoka, osomoke omugga guno Yoludaani, ggwe, n'abantu bano bonna, muyingire mu nsi gye mbawa bo, abaana ba Isiraeri.
- 3 Buli kifo kye mulirinnyamu ekigere kyammwe, nkibawadde mmwe, nga bwe nnagamba Musa.
- 4 Okuva mu ddungu n'olusozi luno Lebanooni, okutuuka ku mugga omunene, gwe mugga Fulaati, ensi yonna ey'Abakiiti, era n'okutuuka ku nnyanja ennene ku luuyi olw'ebugwanjuba, we waliba ensalo yammwe.
- 5 Tewalibeera muntu yenna aliyinza okuyimirira mu maaso go ennaku zonna ez'obulamu bwo: nga bwe nnabeeranga ne Musa, bwe ntyo bwe nnaabeeranga naawe; siikwabulirenga so siikulekenga.
- 6 Ddamu amaanyi guma omwoyo: kubanga ggwe olibasikiza abantu bano ensi eno gye nnalayirira bajja baabwe okugibawa.
- 7 Naye mala okuddamu amaanyi n'okuguma ennyo omwoyo, okwekumanga okukola ng'amateeka gonna bwe gali, Musa, omuweereza wange ge yakulagira: tokyamanga okugaleka ku mukono ogwa ddyo newakubadde ogwa kkono, olyoke oweebwenga omukisa buli gy'onoogendanga yonna.
- 8 Ekitabo kino eky'amateeka tekiivenga mu kamwa ko, naye onookirowoozangamu emisana n'ekiro, olyoke weekuumenga okukola nga byonna bwe biri ebiwandiikid-dwamu: kubanga bw'onooterezanga bw'otyoko ekkubo lyo, era bw'onooweebwanga omukisa bw'otyoko.
- 9 Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo; totyanga, so teweeekanganga kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna.
- 10 Yoswa n'alyoka alagira abaami b'abantu, ng'ayogera nti
- 11 Muyite wakati mu lusiisira, mulagire abantu, nga mwogera nti Mweteekereteekere emmere; kubanga ennaku essatu nga tezinnayita mugenda, okusomoka omugga guno Yoludaani, okuyingira okulya ensi, Mukama Katonda wammwe gy'abawa okugirya.
- 12 Era Abalewubeeni, n'Abagaadi, n'ekitundu eky'ekika kya Manase Yoswa n'abagamba, ng'ayogera nti
- 13 Mujjukire ekigambo Musa omuweereza wa Mukama kye yabalagira, ng'ayogera nti Mukama Katonda wammwe abawa ekiwummulo, era alibawa ensi eno.
- 14 Bakazi bammwe, n'abaana bammwe abato, n'ebisibo byammwe, balituula mu nsi Musa gye yabawa emitala wa Yoludaani; naye mmwe mulisomoka mu maaso ga baganda bammwe nga mulina eby'okulwanyisa, abazira mwenna ab'amaanyi, mulibabeera;
- 15 okutuusa Mukama lw'alimala okubawa baganda bammwe ekiwummulo, nga bw'awadde mmwe, era nabo lwe balimala okulya ensi Mukama Katonda wammwe gy'abawa bo: ne mulyoka muddayo mu nsi gye mwalya, mugirye, Musa omuweereza wa Mukama gye yabawa emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebugwanjuba.
- 16 Ne bamuddamu Yoswa, nga boogera nti Byonna by'otulagidde tulibikola, era buli gy'onootutumanga tunaagendanga.
- 17 Nga bwe twawuliranga Musa mu bigambo byonna, naawe tunaakuwuliranga bwe tutyo: kyokka Mukama Katonda wo abe naawe, nga bwe yali ne Musa.
- 18 Buli muntu yenna anaajeemeranga ekiragiro kyo, era ataawulirenga bigambo byo mu

byonna by' onoomulagiranga, anattibwanga: naye ddamu amaanyi, guma omwoyo.

Essuula 2

- 1 Yoswa omwana wa Nuni n'atuma abantu babiri nkiso okuva mu Sittimu okuketta, ng'ayogera nti Mugende, mukebere ensi ne Yeriko. Ne bagenda, ne bayingira mu nnyumba ey'omwenzi, erinnya lye Lakabu, ne basulayo.
- 2 Kabaka w'e Yeriko ne bamubuulira, nga boogera nti Laba, wayingidde muno ekiro ku baana ba Isiraeri okuketta ensi.
- 3 Kabaka w'e Yeriko n'atumira Lakabu, ng'ayogera nti Goba abantu abazze gy'oli, abaayingidde mu nnyumba yo: kubanga bazze okuketta ensi yonna.
- 4 Omukazi n'abatwala bombi, n'abakisa; n'ayogera nti Weewaawo, abantu bazze gye ndi, naye nabadde simanyi gye bavudde.
- 5 awo obudde bwe bwatuuse okuggalawo wankaaki, ng'enzikiza ekutte, abantu ne bagenda: abantu gye bazze simanyi: mubagoberere mangu; kubanga munaabatuukako.
- 6 Naye yali abalinnyisizza ku kasolya, n'ababikkako emiti egy'obugoogwa, gye yali ateeseteese obulungi ku kasolya.
- 7 Abantu ne babagoberera mu kkubo erya Yoludaani okutuuka ku musomoko: abaabagoberera bwe baamala okuvaayo, ne balyoka baggalawo wankaaki.
- 8 Bo nga tebanneebaka; n'alinnya gye bali ku kasolya;
- 9 n'agamba abantu nti Mmanyi nga Mukama abawadde ensi, era ng'entiisa yammwe etukutte, era ng'abali mu nsi bonna basaanuuka mu maaso gammwe.
- 10 Kubanga twawulira Mukama bwe yakaliza Ennyanja Emmyufu mu maaso gammwe, bwe mwava mu Misiri; era kye mwakola bakabaka ababiri ab'Abamoli abaali emitala wa Yoludaani, Sikoni ne Ogi; be mwazikiririza ddala.
- 11 Naffe bwe twakiwulira emitima gyaffe ne giryoka gisaanuuka; so tewali muntu asigalamu omwoyo gwonna ku lwammwe: kubanga Mukama Katonda wammwe, oyo ye Katonda waggulu mu ggulu, era wansi ku nsi.
- 12 Kale kaakati, mbeegayiridde, mundayirire Mukama, kubanga mbakoze bulungi nammwe okugikola obulungi ennyumba ya kitange, era mumpe akabonero ak'amazima:
- 13 era n'okuwonya kitange ne mmange ne bannyinaze ne baganda bange ne byonna bye balina, n'okulokola obulamu bwaffe mu kufa.
- 14 Abantu ne bamugamba nti Obulamu bwaffe buligatta obulamu bwammwe, bwe mutalibuulira bigambo byaffe bino awo Mukama bw'alituwa ensi, ne tulyoka tukukolera ekisa n'amazima.
- 15 Awo n'abassa n'omugwa ng'abayisa mu ddirisa; kubanga ennyumba ye yali ekwatanye ku bbugwe ow'ekibuga, naye yabeera ku bbugwe.
- 16 N'abagamba nti Mugende ku lusozi, abaabagoberedde baleme okubasanga: era mwekwekereyo ennaku ssatu, okutuusa abaabagoberedde lwe balikomawo; oluvannyuma muliyinza okugenda.
- 17 Abantu ne bamugamba nti Tetulina musango ku kirayiro kyo kino ky'otulayizizza.
- 18 Laba, bwe tulijja mu nsi, olisiba akagwa kano akamyufu mu ddirisa ly'otuyisizzaamu: era olikuaanyiza mu nnyumba gy'oli kitaawo ne nnyoko ne baganda bo, n'ennyumba yonna eya kitaawo.
- 19 Bwe kityo, omuntu yenna aliva mu miryango egy'ennyumba yo ku luguudo, omusaayi gwe guliba ku mutwe gwe, naffe tetulizza musango: era omuntu yenna alibeera naawe mu nnyumba, omusaayi gwe guliba ku mutwe gwaffe, bw'alikwatibwa omukono gwonna:

- 20 Naye bw'olibuulira ebigambo byaffe bino tetulizza musango olw'ekirayiro kyo ky'otulayizizza.
- 21 N'ayogera nti Wabe ng'ebigambo byammwe bwe biri. N'abasindika, ne bagenda n'asiba akagwa akamyufu mu ddirisa.
- 22 Ne bagenda ne batuuka ku lusozi, ne babeera eyo ennaku ssatu, okutuusa abaabagoberera lwe baamala okukomawo abaabagoberera baabanoonya mu kkubo lyonna, ne batabalaba:
- 23 Awo abantu ababiri ne bakomawo, ne baserengeta ku lusozi, ne basomoka, ne bajja eri Yoswa omwana wa Nuni; ne bamubuulira byonna ebyababaako.
- 24 Ne bamugamba Yoswa nti Mazima Mukama atuwadde mu mikono gyaffe ensi yonna; era nate abali mu nsi bonna basaanuukira ddala mu maaso gaffe.

Essuula 3

- 1 Yoswa n'akeera enkya n'agolokoka, ne bava mu Sittimu, ne batuuka ku Yoludaani, ye n'abaana ba Isiraeri bonna; ne basulawo nga tebannasomoka.
- 2 Awo ennaku ssatu bwe zaayita abaami ne bayita wakati mu lusiisira;
- 3 ne balagira abantu, nga boogera nti Bwe munaalaba essanduuko ey'endagaano ya Mukama Katonda wammwe; ne bakabona Abaleevi nga bagyetisse, ne mulyoka muva mu kifo kyammwe, ne mugigoberera.
- 4 Naye wanaabaawo ebbanga wakati wammwe nayo; ng'emikono enkumi bbiri gigerebwa: temugisemberera, muyoke mumanye ekkubo eribagwanidde okuyitamu; kubanga okutuuka kaakano temunnayita mu kkubo lino.
- 5 Yoswa n'agamba abantu nti Mwetukuze kubanga enkya Mukama anaakola eby'amagero mu mmwe.
- 6 Yoswa n'agamba bakabona, ng'ayogera nti musitule essanduuko ey'endagaano, musomoke mukulembere abantu. Ne basitula essanduuko ey'endagaano n'ebakulembere abantu.
- 7 Mukama n'agamba Yoswa nti Leero naatanula okukugulumiza mu maaso ga Baisiraeri bonna, bamanye nti, nga bwe nnali ne Musa, bwe ntyo bwe nnaabeeranga naawe.
- 8 Era onoolagira bakabona abasitula essanduuko ey'endagaano, ng'oyogera nti Bwe munaatuuka ku mabbali g'amazzi aga Yoludaani, munaayimirira mu Yoludaani.
- 9 Yoswa n'agamba abaana ba Isiraeri nti Mujje wano, muwulire ebigambo bya Mukama Katonda wammwe.
- 10 Yoswa n'ayogera nti Ku kino kwe munaamanyira nga Katonda omulamu ali mu mmwe, era nga talirema kugoba mu maaso gammwe Abakanani, n'Abakiiti, n'Abakivi, n'Abaperizi, n'Abagirugaasi, n'Abamoli, n'Abayebusi.
- 11 Laba, essanduuko ey'endagaano ya Mukama w'ensi zonna, ebakulembere okusomoka Yoludaani.
- 12 Kale kaakano mwerondere abasajja kkumi na babiri mu bika bya Isiraeri, buli kika omu.
- 13 Owo, ebigere bya bakabona abasitula essanduuko ya Mukama, Mukama w'ensi zonna bwe biribeera mu mazzi ga Yoludaani, amazzi ga Yoludaani ne galyoka gaggwaawo, ge mazzi agava engulu; ne gayimirira entuumu wamu.
- 14 Awo, abantu bwe baava mu weema zaabwe, okusomoka Yoludaani, bakabona abaasitula essanduuko ey'endagaano nga bakulembere abantu;
- 15 era abaasitula essanduuko bwe baatuuka ku Yoludaani, ebigere bya bakabona abaasitula essanduuko ne byennyika ku mabbali g'amazzi (kubanga Yoludaani gwanjaala ku ttale lyagwo lyonna mu biro byonna eby'amakungula,)
- 16 amazzi agaava engulu ne galyoka gayimirira ne geekuma entuumu wamu, wala nnyo,

ku Adamu, ekibuga ekiriraanye e Zalesani: n'ago agakka ku nnyanja eye Alaba, ye nnyanja ey'omunno, ne gaggweerawo ddala: abantu ne basomokera awaliraanye e Yeriko.

- 17** Bakabona abaasitula essanduuko ey'endagaano ya Mukama ne bayimirira ne banywera ku lukalu wakati mu Yoludaani, n'Abaisiraeri bonna ne bayita awakalu, okutuusa eggwanga lyonna lwe lyayitira ddala mu Yoludaani.

Essuula 4

- 1** Awo eggwanga lyonna bwe lyamala okuyitira ddala mu Yoludaani, Mukama n'agamba Yoswa, ng'ayogera nti
- 2** Mwerondere abasajja kkumi na babiri mu bantu, mu buli kika omu,
- 3** era mubalagire, nga mwogera nti Mulonde wano wakati mu Yoludaani, mu kifo ebigere bya bakabona mwe byanyweredde, amayinja kkumi n'abiri, mugasomose, mugasse mu kisulo, kye munaasulamu ekiro kino.
- 4** Awo Yoswa n'ayita abasajja kkumi na babiri, be yateekateeka mu baana ba Isiraeri, mu buli kika omu.
- 5** Yoswa n'abagamba nti Mukulembere essanduuko ya Mukama Katonda wammwe wakati mu Yoludaani, musitule buli muntu mu mmwe ejinja ku kibegabega kye, ng'omuwendo ogw'ebika eby'abaana ba Isiraeri bwe guli:
- 6** ako kabe akabonero mu mmwe, abaana bammwe bwe banaabuuzanga mu biro ebigenda okujja, nga boogera nti Amayinja gano amakulu gaago ki?
- 7** mulyoke mubagambe nti Kubanga amazzi ga Yoludaani gaggwaawo mu maaso g'essanduuko ey'endagaano ya Mukama; bwe yayita mu Yoludaani, amazzi ne gaggwaawo: era amayinja gano galibeera ekijjuukizo eri abaana ba Isiraeri emirembe egitaggaawo.
- 8** Abaana ba Isiraeri ne bakola nga Yoswa bw'abalagidde, ne balonda amayinja kkumi n'abiri wakati mu Yoludaani, nga Mukama bwe yagamba Yoswa, ng'omuwendo ogw'ebika eby'abaana ba Isiraeri bwe guli; ne bagasomosa ne bagatuusa mu kifo mwe baasula, ne bagassaawo.
- 9** Yoswa n'asimba amayinja kkumi n'abiri wakati mu Yoludaani, mu kifo ebigere bya bakabona abaasitula essanduuko ey'endagaano mwe byayimirira: era weegali ne kaakano.
- 10** Kubanga bakabona abaasitula essanduuko baayimirira wakati mu Yoludaani, ne kituukirira buli kigambo Mukama kye yalagira Yoswa okubuulira abantu, nga byonna bwe byali Musa bye yalagira Yoswa: abantu ne banguwa ne bayita.
- 11** Awo, abantu bonna bwe baamala okuyita, essanduuko ya Mukama n'eryoka eyita, ne bakabona mu maaso g'abantu.
- 12** N'abaana ba Lewubeeni; n'abaana ba Gaadi, n'ekitundu eky'ekika kya Manase, ne bakulembere abaana ba Isiraeri ne bayita nga balina ekyokulwanyisa, nga Musa bwe yabagamba:
- 13** abantu ng'obukumi buna abeeteeseteese okulwana ne bayita mu maaso ga Mukama eri olutalo, mu lusenyi olw'e Yeriko:
- 14** Ku lunaku olwo Mukama n'akuza Yoswa mu maaso ga Baisiraeri bonna: ne bamutya, nga bwe baatyanga Musa; ennaku zonna ez'obulamu bwe.
- 15** Mukama n'agamba Yoswa ng'ayogera nti
- 16** Lagira bakabona abasitula essanduuko ey'obujulirwa okulinye okuva mu Yoludaani:
- 17** Awo Yoswa n'alagira bakabona ng'ayogera nti Mulinye muve mu Yoludaani:
- 18** Awo bakabona abaasitula essanduuko ey'endagaano ya Mukama bwe baamala okulinye okuva wakati mu Yoludaani, n'ebigere bya bakabona ne birinnyibwa ku lukalu,

amazzi ga Yoludaani ne galyoka gadda mu kifo kyago, ne gayanjaala ku ttale lyagwo lyonna, ng'edda.

- 19 Abantu ne balinnya ne bava mu Yoludaani ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi ogw'olubereberye ne basula mu Girugaali, mu nsalo ey'ebuvanjuba ey'e Yeriko.
- 20 N'amayinja gali ekkumi n'abiri ge baggya mu Yoludaani, Yoswa n'agasimba mu Girugaali.
- 21 N'agamba abaana ba Isiraeri ng'ayogera nti Abaana bammwe bwe banaabuuzanga bakitaabwe mu biro ebigenda okujja, nga boogera nti Amakulu g'amayinja gano ki?
- 22 ne mulyoka mutegeezanga abaana bammwe; nga mwogera nti Abaisiraeri baayita mu Yoludaani muno nga lukalu:
- 23 Kubanga Mukama Katonda wammwe yakaliza amazzi ga Yoludaani mu maaso gammwe, okutuuka bwe mwamala okuyita; nga Mukama Katonda wammwe bwe yakola Ennyanja Emmyufu, gye yakaliza mu maaso gaffe; okutuuka bwe twamala okuyita:
- 24 amawanga gonna ag'ensi galyoke gamanye omukono gwa Mukama nga gwa maanyi; batyenga Mukama Katonda wammwe emirembe egitaggwaawo.

Essuula 5

- 1 Awo bakabaka bonna ab'Abamoli, abaali emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebugwanjuba; ne bakabona ab'Abakanani, abaali ku nnyanja, bwe baawulira Mukama bwe yakaliza amazzi ga Yoludaani mu maaso g'abaana ba Isiraeri, okutuuka bwe twamala okusomoka, omutima gwabwe ne gusaanuuka, so nga tewakyali alina omwoyo mu bo; olw'abaana ba Isiraeri.
- 2 Mu biro ebyo Mukama n'agamba Yoswa nti Weekolere obwambe obw'amayinja, okomole nate abaana ba Isiraeri omulundi ogw'okubiri.
- 3 Yoswa ne yeekolera obwambe obw'amayinja, n'akomolera abaana ba Isiraeri ku lusozi olw'ebikuta.
- 4 Era eno ye nsonga eyabakomoza Yoswa: abasajja bonna abaava mu Misiri, abalwanyi bonna, ne bafiira mu ddungu mu kkubo, bwe baamala okuva mu Misiri.
- 5 Kubanga abantu bonna abaavaayo ne bakomolwa: naye abantu bonna abaazaalirwa mu ddungu mu kkubo nga bava mu Misiri nga tebakomolwanga.
- 6 Kubanga abaana ba Isiraeri baatambulira emyaka amakumi ana mu ddungu, okutuusa eggwanga lyonna, be balwanyi abaava mu Misiri; lwe lyaggwaawo, kubanga tebaawulira ddooboozi lya Mukama: Mukama be yalayirira obutabaganya kulaba nsi Mukama gye yalayirira bajjajja baabwe okutuwa, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.
- 7 N'abaana baabwe be yazza mu kifo kyabwe, abo Yoswa be yakomola: kubanga baali si bakomole, kubanga tebaabakomolera mu kkubo.
- 8 Awo, bwe baamala okukomola eggwanga lyonna, ne babeera mu bifo byabwe mu lusiisira ne bamala okuwona.
- 9 Mukama n'agamba Yoswa nti Leero njiringisizza ekivume eky'e Misiri okukibaggyako. Erinnya ery'ekifo kiri kyeryava liyitibwa Girugaali ne kaakano.
- 10 Abaana ba Isiraeri ne basula mu Girugaali; ne balya Okuyitako ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi olweggulo mu lusenya olw'e Yeriko.
- 11 Okuyitako ng'eweddeko ku lunaku olw'enkya ne balya emmere enkalu ey'omwaka ogwaggwaako, emigaati egitazimbulukuswa ne kasooli omusiike, ku lunaku olwo.
- 12 N'emmanu n'eggwaawo enkya, bwe baamala okulya emmere ey'ensi ey'omwaka ogwaggwaako; abaana ba Isiraeri ne bataba na mmanu nate; naye ne balya ku mmere ey'ensi eya Kanani omwaka ogwo.

- 13 Awo, Yoswa bwe yali ng'asembedde e Yeriko, n'ayimusa amaaso ge n'atunula, era, laba, nga wayimiridde omuntu okumwolekera eyalina ekitala ekisowole mu mukono gwe; Yoswa n'amusemberera, n'amugamba nti Oli ku lwaffe, oba oli ku lwa balabe baffe?
- 14 N'ayogera nti Nedda; naye omukulu ow'eggye lya Mukama ntuuse kaakano. Yoswa n'amufukaamirira mu maaso ge, n'asinza, n'amugamba nti Mukama wange agamba atya omuddu we?
- 15 Omukulu ow'eggye lya Mukama n'agamba Yoswa nti Yambula engatto yo mu kigere kyo; kubanga ekifo mw'oyimiridde kitukuvu. Yoswa n'akola bw'atyo.

Essuula 6

- 1 Era Yeriko kyali kiggalliddwawo ddala olw'abaana ba Isiraeri tewaali afuluma, newakubadde ayingira.)
- 2 Mukama n'agamba Yoswa nti Laba, nkukiwadde mu mukono gwo Yeriko, ne kabaka waamu, n'abazira ab'amaanyi.
- 3 Era mulikyetooloola ekibuga, abalwanyi mwenna, nga mukyetooloola omulundi gumu. Bw'onookolanga bw'otyo ennaku omukaaga.
- 4 Ne bakabona omusanvu balisitula eombe omusanvu ez'amayembe ag'endiga ensajja nga bazikulembeza essanduuko: ne ku lunaku olw'omusanvu mulikyetooloola ekibuga emirundi musanvu; ne bakabona balifuuwa eombe.
- 5 Awo, bwe balifuuwa eombe ez'amayembe ag'endiga ensajja era bwe muliwulira eddoozi ery'eombe, abantu bonna ne balyoka boogerera waggulu n'eddoozi ddene; bbugwe ow'ekibuga n'alyoka agwira ddala wansi, abantu ne balinnya buli muntu mu maaso ge.
- 6 Yoswa, omwana wa Nuni, n'ayita bakabona, n'abagamba nti Musitule essanduuko ey'endagaano, era bakabona musanvu basitule eombe musanvu ez'amayembe ag'endiga ensajja bazikulembeze essanduuko ya Mukama:
- 7 Ne bagamba abantu nti Muyite, mwetooloole ekibuga, n'abalina eby'okulwanyisa bakulembere essanduuko ya Mukama.
- 8 Awo Yoswa bwe yamala okwogera n'abantu, bakabona omusanvu abaasitula eombe omusanvu ez'amayembe ag'endiga ensajja mu maaso ga Mukama ne bayita, ne bafuuwa eombe: essanduuko ey'endagaano ya Mukama ng'ebavaako ennyuma.
- 9 Abalina eby'okulwanyisa ne bakulembere bakabona abaafuuwa eombe, ab'ennyuma ne bagoberera essanduuko, nga bafuuwa eombe nga batambula.
- 10 Yoswa n'alagira abantu, ng'ayogera nti Temwogerera waggulu, n'eddoozi lyammwe lireme okuwulirwa, n'ekigambo kyonna kireme okuva mu kamwa kammwe, okutuusa ku lunaku lwe ndibalagira okwogerera waggulu; ne mulyoka mwogerera waggulu.
- 11 Bw'atyo yagyetoolooza ekibuga essanduuko ya Mukama, nga bakyetooloodde omulundi gumu ne bayingira mu lusiisira, ne basula mu lusiisira.
- 12 Yoswa n'akeera enkya n'agolokoka, ne bakabona ne basitula essanduuko ya Mukama.
- 13 Ne bakabona omusanvu abaasitula eombe omusanvu ez'amayembe ag'endiga ensajja nga bazikulembeza essanduuko ya Mukama ne bagenda obutalinda, ne bafuuwa eombe: n'abalina eby'okulwanyisa nga babakulembedde: n'ab'ennyuma ne bagoberera essanduuko ya Mukama nga bafuuwa eombe nga batambula.
- 14 Ne ku lunaku olw'okubiri ne beetooloola ekibuga omulundi gumu, ne baddayo mu lusiisira: bwe baakola bwe batyo ennaku mukaaga.
- 15 Awo ku lunaku olw'omusanvu ne bakeera enkya mu matulutulu, ne beetooloola ekibuga emirundi musanvu bwe batyo: naye ku lunaku olwo beetooloola ekibuga emirundi musanvu.

- 16 Awo ku mulundi ogw'omusanvu, bakabona bwe baafuuwa eombe, Yoswa n'agamba abantu nti Muleekaane; kubanga Mukama abawadde ekibuga.
- 17 N'ekibuga kiriterekerwa Mukama, ekibuga ne byonna ebirimu: Lakabu omwenzi y'aliwona yekka, ye ne bonna abali awamu naye mu nnyumba, kubanga yakweka abatume, be twatuma.
- 18 Nammwe mwewalire ddala mu biterekeddwa Mukama, muleme okutwala ku biterekeddwa, nga mumaze okubitereka; bwe mutyo mwandifudde olusiisira lwa Isiraeri olukolimiddwa, era mwandirweraliikirizza;
- 19 Naye effeeza yonna n'ezaabu n'ebintu eby'ebikomo n'eby'ebyuma bye bitukuvu eri Mukama; birijja mu ggwanika lya Mukama.
- 20 Awo abantu ne baleekaana, ne bafuuwa eombe; awo, abantu bwe baawulira eddoboosi ery'eombe abantu ne balyoka boogerera waggulu n'eddoboosi ddene, bbugwe n'agwira ddala wansi, abantu ne balinnya mu kibuga, buli muntu mu maaso ge, ne bamenya ekibuga.
- 21 Ne bazikiririza ddala ebyali mu kibuga byonna, abasajja n'abakazi, abato n'abakulu; n'ente, n'endiga, n'endogoyi, ne babitta n'ekitala.
- 22 Yoswa n'agamba abasajja ababiri abaaketta ensi nti Mugende mu nnyumba ey'omwenzi, mumufulumye omukazi, ne by'alina byonna, nga bwe mwamulayirira.
- 23 Abavubuka abakessi ne bayingira, ne bamufulumya Lakabu, ne kitaawe, ne nnyina; ne baganda be, ne byonna by'alina, era n'ekika kye kyonna ne babafulumya; ne baba-teeka ebweru ku lusiisira lwa Isiraeri:
- 24 Ekibuga ne bakyokya omuliro, n'ebyalimu byonna: naye effeeza n'ezaabu n'ebintu eby'ebikomo n'eby'ebyuma byokka baabissa mu ggwanika ery'ennyumba ya Mukama.
- 25 Naye Lakabu omwenzi, n'ab'ennyumba ya kitaawe ne byonna bye yalina, Yoswa n'abawonya; n'abeera wakati mu Isiraeri, ne kaakano; kubanga yakweka abatume, Yoswa be yatuma okuketta Yeriko.
- 26 Yoswa n'abalayiza ekirayiro mu biro ebyo, ng'ayogera nti Akolimirwe mu maaso ga Mukama oyo aliyimirira n'azimba ekibuga kino Yeriko: mu kufirwa omwana we omubereberye mw'alissizaawo emisingi gyakyo, era mu kufirwa omwana we omuto alisimba enzigi zaakyo.
- 27 Bw'atyo Mukama yabeeranga ne Yoswa; n'ebigambo bye ne byatiikirira mu nsi yonna.

Essuula 7

- 1 Naye abaana ba Isiraeri ne boonoona mu biterekeddwa: kubanga Akani, omwana wa Kalumi, omwana wa Zabudi, omwana wa Zeera, ow'ekika kya Yuda, n'atwala ku biterekeddwa: obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku baana ba Isiraeri.
- 2 Yoswa n'atuma abantu okuva mu Yeriko okugenda e Ayi ekiriraanye Besaveni, ku luuyi olw'ebuvanjuba olwa Beseri, n'abagamba nti Mulinnye mukette ensi. Abantu ne balinnya ne baketta Ayi.
- 3 Ne bakomawo eri Yoswa ne bamugamba nti Abantu bonna tebagendayo; naye abantu ng'enkumi bbiri oba ssatu balinnye bakube Ayi; toteganya abantu bonna okugendayo; kubanga abaayo batono.
- 4 Awo ne balinnyayo ku bantu abasajja ng'enkumi ssatu; ne badduka mu maaso g'ab'e Ayi.
- 5 N'ab'e Ayi ne bakuba mu bo abantu ng'amakumi asatu mu mukaaga: ne babagoba okubaggya ku wankaaki okubatuusa ku Sebalimu, ne babakubira awaserengeterwa: emitima gy'abantu ne gisaanuuka, ne giba ng'amazzi.

- 6 Yoswa n'ayuzwa engoye ze, n'agwa ne yeevuunika awali essanduuko ya Mukama n'atuusa olweggulo, ye n'abakadde ba Isiraeri; ne beesiiga enfuufu ku mitwe gyabwe:
- 7 Yoswa n'ayogera nti Woowe, ai Mukama Katonda, okusomosa kiki ekyakusomosa abantu bano Yoludaani, okutuwaayo mu mikono egy' Abamoli, okutuzikiriza? singa twakkiriza okutuula emitala wa Yoludaani.
- 8 Ai Mukama, naayogera ntya, Abaisiraeri bwe bamaze okubakuba amabega abalabe baabwe?
- 9 Kubanga Abakanani n'abali mu nsi boana baliwulira, balituzingiza baliggya erinnya lyaffe ku nsi: naawe olirokola otya erinnya lyo ekkulu?
- 10 Mukama n'agamba Yoswa nti Golokoka; kiki ekikugwisizza bw'otyo okwevuunika?
- 11 Abaisiraeri boonoonye; era bamenye endagaano yange gye nnabalagira; era n'okutwala batutte ku biterekeddwa; era babbye, era bakuusizza, era babiyingizizza mu bintu byabwe.
- 12 Ekyo kye kibalobera abaana ba Isiraeri okuyimirira mu maaso g'abalabe baabwe, ne bakuba amabega abalabe baabwe, kubanga bafuuse abakolimiddwa, sijja kuddayo kubeera nammwe wabula nga muzikirizza ekyo kye mugugubiddeko.
- 13 Mukale, mutukuze abantu, mwogere nti Mwetukulize olunaku olw'enkyo: kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri, bw'ayogera bw'ati nti Waliwo ekiterekeddwa wakati mu ggwe; Isiraeri: toyinza kuyimirira mu maaso g'abalabe bo; nga temunnakiggyawo ekiterekeddwa mu mmwe.
- 14 Kale enkyo munaasemberezebwa mu bika byammwe: awo, ekika Mukama ky'anaalondamu kinaasembera ng'enda zaakyo bwe ziri; n'enda Mukama gy'anaalondamu eneesembera mu nnyumba zaayo; n'ennyumba Mukama gy'anaalondamu eneesembera buli muntu buli muntu.
- 15 Awo olunaatuuka anaalondebwa ng'alina ekiterekeddwa anaayokebwa omuliro, ne by'alina byonna; kubanga amenye endagaano ya Mukama, era kubanga akoze obusirusiru mu Isiraeri.
- 16 Awo Yoswa n'akeera enkyo, n'agolokoka, n'asembeza Isiraeri ng'ebika byabwe bwe byali; n'ekika kya Yuda ne kirondebwa:
- 17 n'asembeza enda ya Yuda; n'alonda enda eya Bazera: n'asembeza enda eya Bazera buli muntu buli muntu; Zabudi n'alondebwa:
- 18 n'asembeza ennyumba ye buli muntu buli muntu; Akani, omwana wa Kalumi, omwana wa Zabudi, omwana wa Zeera, ow'ekika kya Yuda, n'alondebwa.
- 19 Yoswa n'agamba Akani nti Mwana wange, nkwegayiridde, omuwe ekitiibwa Mukama, Katonda wa Isiraeri; omwatulire; era oambe kaakano ky'okoze; tokinkisa.
- 20 Akani n'addamu Yoswa n'ayogera nti Mazima nnyonoonye eri Mukama, Katonda wa Isiraeri, ne nkola bwe nti ne bwe nti
- 21 bwe nnalaba mu munyago ekyambalo ekirungi ekya Sinaali, n'esekeri ez'effeeza ebikumi bibiri, n'olulimi olwa zaabu ekigero kyalwo esekeri amakumi ataano, ne ndyoka mbiyaayaanira, ne mbitwala; era, laba, bikwekeddwa mu ttaka wakati mu weema yange, ne ffeeza wansi waakyo:
- 22 Awo Yoswa n'atuma ababaka, ne bagenda mbiro mu weema ye; era, laba, nga kikwekeddwa mu weema ye, n'effeeza wansi waakyo.
- 23 Nabo ne babiggya wakati mu weema; ne babireetera Yoswa n'abaana ba Isiraeri bonna; ne babissa wansi mu maaso ga Mukama.
- 24 Ne Yoswa n'Abaisiraeri bonna awamu naye ne batwala Akani, omwana wa Zeera, n'effeeza, n'ekyambalo, n'olulimi olwa zaabu; n'abaana be ab'obulenzi n'ab'obuwala, n'ente ze, n'endogoyi ze; n'endiga ze, n'eweema ye ne byonna bye yalina: ne babalinnyisa mu kiwonvu Akoli:
- 25 Yoswa n'ayogera nti Kiki ekyakutweraliikirizisa? Mukama anaakweraliikiriza ggwe

leero, Abaisiraeri bonna ne bamukuba amayinja; ne babookya omuliro, ne babakuba amayinja.

- 26** Ne bamutuumako entuumu ennene ey'amayinja ne kaakano; Mukama n'akyuka okuleka obusungu bwe obukabwe. Erinnya ery'ekiwonvu kiri kyeryava liyitibwa ekiwonvu Akoli, ne leero.

Essuula 8

- 1** Mukama n'agamba Yoswa nti Totyanga, so tokankananga: twala abantu bonna abalwanyani naawe, ogolokoke olinnye ku Ayi: laba, nkuwadde mu mukono gwo kabaka wa Ayi, n'abantu be, n'ekibuga kye, n'ensi ye;
- 2** era olikola Ayi ne kabaka waamu nga bwe wakola Yeriko ne kabaka waamu: naye omunyago gwakyo n'ente zaakyo mulibyetwalira okuba ebinyage byammwe: muteegere ekibuga ennyuma waakyo.
- 3** Awo Yoswa n'agolokoka, n'abantu bonna abalwanyani, okulinnya ku Ayi; Yoswa n'alonda abantu obukumi busatu, abazira ab'amaanyi, n'abasindika ekiro.
- 4** N'abalagira ng'ayogera nti Laba, munaateegera ekibuga ennyuma w'e kibuga: temukiba wala nnyo ekibuga naye mwenna mweteeketeke:
- 5** nange n'abantu bonna abali nange tunaasemberera ekibuga: awo, bwe banajja okutulumba, ng'olubereberye, ne tulyoka tudduka mu maaso gaabwe;
- 6** nabo banajja okutugoberera, okutuusa lwe tunaabasendasenda okuva mu kibuga ewala; kubanga banaayogera nti Badduse mu maaso gaffe ng'olubereberye; kyetunaava tudduka mu maaso gaabwe:
- 7** nammwe munaagolokoka we muteegedde, ne mukwata ekibuga: kubanga Mukama Katonda wammwe anaakiwaayo mu mukono gwammwe.
- 8** Awo, bwe munaamala okukwata ekibuga, ne mukyokya omuliro okugoberera ekigambo kya Mukama bwe munaakola: laba, nze mbalagidde.
- 9** Yoswa n'abasindika: ne bagenda we banaateegera, ne babeera wakati wa Neseri ne Ayi, ku luuyi olw'ebugwanjuba olw'e Ayi: naye Yoswa n'asula ekiro ekyo mu bantu.
- 10** Yoswa n'akeera enkya n'agolokoka; n'akuuanyanya abantu, n'alinnya, ye n'abakadde ba Isiraeri, mu maaso g'abantu ne bagenda e Ayi.
- 11** Abantu bonna, abalwanyani abaali naye, ne balinnya ne basembera ne batuuka ekibuga we kiraba, ne basimba olusiisira ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olw'e Ayi: era waaliwo ekiwonvu wakati we ne Ayi.
- 12** N'atwala abantu ng'enkumi ttaano, n'abateekateeka okuteega wakati wa Beseri ne Ayi, ku luuyi olw'ebugwanjuba olw'ekibuga.
- 13** Bwe batyo bwe baateekateeka abantu, eggye lyonna eryali ku bukiika obwa kkono obw'ekibuga, era n'abateezi baabwe abaali ebugwanjuba obw'ekibuga; Yoswa n'agenda ekiro ekyo wakati mu kiwonvu.
- 14** Awo olwatuuka kabaka we Ayi bwe yakiraba, ne banguwa ne bagolokoka, enkya, n'abantu ab'omu kibuga ne bajja ku Baisiraeri okulwana, ye n'abantu be bonna, ku kiseera ekiragiddwa, mu maaso ga Alaba; naye teyamanya nga waliwo abamuteeze ennyuma w'ekibuga.
- 15** Yoswa n'Abaisiraeri bonna ne beefuula ng'abagobeddwa mu maaso gaabwe, ne baddukira mu kkubo ery'eddungu.
- 16** N'abantu bonna abaali mu kibuga ne bakuaanyizibwa okubagoberera: ne bagoba Yoswa, ne basendebwasendebwa okuva mu kibuga ewala.
- 17** Ne mutasigala muntu mu Ayi newakubadde mu Beseri, atazze kugoba Isiraeri: ne baleka ekibuga nga kigguliddwawo ne bagoba Isiraeri.
- 18** Mukama n'agamba Yoswa nti Galula omuwunda oguli mu mukono gwo ku Ayi;

kubanga naakikuwa mu mukono gwo. Yoswa n'agalula omuwunda ogwali mu mukono gwe eri ekibuga.

- 19 N'abateezi ne bagolokoka mangu mu kifo kyabwe, ne baddukana mbiro bwe yamala okugolola omukono, ne bayingira mu kibuga, ne bakimenya; ne banguwa ne bookya ekibuga omuliro.
- 20 Ab'e Ayi bwe baalaba ennyuma waabwe, ne batunula, era, laba, omukka ogw'ekibuga nga gunyookera mu ggulu, ne bataba na maanyi ga kudduka okugenda eri newakubadde okudda eno: n'abantu abaali baddukidde mu ddungu ne babakyukirako abaabagoba.
- 21 Yoswa n'Abaisiraeri bonna bwe baalaba ng'abateezi bamenye ekibuga, n'omukka ogw'ekibuga nga gunyooka, awo ne bakyuka nate, ne batta ab'e Ayi.
- 22 N'abalala bannaabwe ne bava mu kibuga okubalumba; ne babeera wakati mu Baisiraeri, abalala eruuyi n'abalala eruuyi: ne babakuba, obutaganya muntu kusigalawo newakubadde okudduka.
- 23 Ne kabaka we Ayi ne bamukwata nga mulamu, ne bamuleeta eri Yoswa.
- 24 Awo Abaisiraeri bwe baamala okuttira ddala abaali mu Ayi bonna mu lusenyi, mu ddungu lye baabagoberamu, bonna ne bagwa n'obwogi bw'ekitala ne baggwaawo, Abaisiraeri bonna ne balyoka bakomawo e Ayi, ne bakikuba n'obwogi bw'ekitala.
- 25 Awo bonna abattibwa ku lunaku olwo, abasajja n'abakazi, baali kakumi mu enkumi bbiri, be bantu bonna abaali mu Ayi.
- 26 Kubanga Yoswa teyazza mukono gwe, gwe yagaluzza omuwunda, okutuusa lwe yamala okubazikiririza ddala abaali mu Ayi bonna.
- 27 Wabula ente n'omunyago ogw'ekibuga ekyo Abaisiraeri ne babyetwalira, okuba ebinyage byabwe, ng'ekigambo kya Mukama kye yalagira Yoswa.
- 28 Yoswa n'ayokya Ayi bw'atyo, n'akifuula ekifunvu emirembe gyonna, era ekyazika, ne kaakano.
- 29 Ne kabaka we Ayi n'amuwanika ku muti okutuusa olweggulo: enjuba bwe yagwa Yoswa n'alagira, ne baggya omulambo gwe ku muti, ne bagusuula ku muzigo: ku wankaaki ow'ekibuga, ne bagutumako entuumu ennene ey'amayinja, ne kaakano.
- 30 Awo Yoswa n'alyoka azimbira Mukama ekyoto, Katonda wa Isiraeri, ku lusozi Ewali,
- 31 nga Musa omuweereza wa Mukama bwe yabalagira abaana ba Isiraeri; nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo eky'amateeka ga Musa, ekyoto eky'amayinja amalamba, omuntu g'atassaako kyuma kyonna: ne bakiweerako ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama ne bamuleetera ebiweebwayo olw'emirembe.
- 32 N'awandiika awo ku mayinja amateeka ga Musa, ge yawandiika, mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 33 N'Abaisiraeri bonna, n'abakadde baabwe, n'abaami, n'abalamuzi baabwe, ne bayimirira eruuyi n'eruyi ez'essanduuko mu maaso ga bakabona Abaleevi, abaasitula essanduuko ey'endagaano ya Mukama, si nzaalwa bokka, naye ne bannaggwanga ekitundu kyabwe kumi olusozi Gerizimu gye lusimba, n'ekitundu kyabwe ekirala olusozi Ewali gye lusimba; nga Musa omuweereza wa Mukama bwe yalagira, basookenga okusabira omukisa abantu ba Isiraeri.
- 34 Oluvannyuma n'asoma ebigambo byonna eby'amateeka, omukisa n'okukolimira, nga byonna bwe biri ebyawandiikibwa mu kitabo eky'amateeka.
- 35 Tewali kigambo mu byonna Musa bye yalagira, Yoswa ky'ataasoma mu maaso ag'ekkuaniro lyonna erya Isiraeri, n'abakazi, n'abaana abato, ne bannaggwanga abaatambulanga mu bo.

Essuula 9

- 1 Awo, bakabaka bonna abaali emitala wa Yoludaani, mu nsi ey'ensozi, ne mu nsenyi, ne ku ttale lyonna ery'ennyanja ennene Lebanooni gye lusimba, Abakiiti, n'Abamoli, n'Abakanani, n'Abaperizi n'Abakiivi, Abayebusi, bwe baakiwulira;
- 2 ne balyoka bakuaanira wamu, okulwanyisa Yoswa n'Abaisiraeri, n'omwoyo gumu.
- 3 Naye abaali mu Gibyoni bwe baawulira Yoswa bye yakola ku yeriko ne Ayi,
- 4 ne basala amagezi, ne bagenda ne beefuula ng'ababaka, ne batwala ensawo enkadde ku ndogoyi zaabwe, n'amaliba ag'omwenge amakadde agaayulika agaatungirirwa;
- 5 n'engatto enkadde ezibotose mu bigere byabwe, era nga bambadde ebyambalo ebikadde; n'emmere yonna ey'entanda yaabwe ng'ekaliridde ng'ekutte obukuku.
- 6 Ne bajja eri Yoswa mu lusiisira Girugaali, ne bamugamba ye n'abantu ba Isiraeri nti Tuvudde mu nsi wala: kale kaakano mulagaane naffe:
- 7 N'abantu ba Isiraeri ne bagamba Abakiivi nti Wozzi ewammwe muli wakati wansi yaffe; naffe tunaalagaana tutya nammwe?
- 8 Ne bagamba Yoswa nti Tuli baddu bo. Yoswa n'abagamba nti Muli baani? era muva wa?
- 9 Ne bamugamba nti Abaddu bo bavudde mu nsi wala nnyo okujja wano olw'erinnya lya Mukama Katonda wo: kubanga twawulira okwatiikirira kwe, ne byonna bye yakola mu Misiri,
- 10 ne byonna bye yakola bakabaka ababiri ab'Abamoli, abaali emitala wa Yoludaani, Sikoni kabaka w'e Kesuboni, ne Ogi kabaka w'e Basani, eyali mu Asutaloosi.
- 11 N'abakadde baffe ne bonna abaali mu nsi yaffe ne batugamba nti Mutwalire olugendo olwo entanda mu mikono gyammwe mugende mubasisinkane, mubagambe nti Tuli baddu bammwe: kale kaakano mulagaane naffe.
- 12 Emmere yaffe eno twagisibirira entanda yaffe mu nnyumba zaffe ng'ekyabuguma ku lunaku lwe twavaayo okujja gye muli; naye kaakano, laba, ekaliridde, era ekutte n'obukuku:
- 13 n'amaliba gano ag'omwenge, ge twajjuza, gaali maggya; era, laba, gayuliseyulise: n'ebyambalo byaffe bino engatto zaffe bikaddiye olw'olugendo olunene ennyo,
- 14 Abantu ne batwala ku ntanda zaabwe, ne batabuuzza bigambo eri akamwa ka Mukama.
- 15 Yoswa n'alagaana nabo emirembe, n'alagaana nabo obutabatta: n'abakulu b'ekibiina ne babalayirira.
- 16 Awo mu nnaku essatu, nga bamaze okulagaana nabo, ne bawulira nga baliraanwa baabwe, era nga baali wakati waabwe.
- 17 Abaana ba Isiraeri ne batambula ne batuuka mu bibuga byabwe ku lunaku olw'okusatu: Ebibuga byabwe byali Gibyoni, ne Kefira, ne Beerosi, ne Kiriyasuyalimu.
- 18 N'abaana ba Isiraeri ne batabakuba, kubanga abakulu b'ekibiina baabalayirira Mukama Katonda wa Isiraeri: N'ekibiina kyonna ne kyemulugunyiza abakulu.
- 19 Naye abakulu bonna ne bagamba ekibiina kyonna nti Twabalayirira Mukama Katonda wa Isiraeri: kale kaakano tetuuyinze kubakwatako.
- 20 Bwe tunaabakola bwe tutyo, okubaleka nga balamu; obusungu buleme okutubaako, olw'ekirayiro kye twabalayirira.
- 21 Abakulu ne bagamba nti Mubaleke nga balamu: ne babeera abaasi b'enku era abasenyi b'amazzi eri ekibiina kyonna; ng'abakulu bwe baabagamba.
- 22 Yoswa n'abayita n'abagamba nti Kiki ekyabatulimbya, nga mwogera nti Tuli wala nammwe, nga muli muffe?
- 23 Kale kaakano mukolimiddwa, so tewalibula kubeera mu mmwe abaddu ennaku zonna, abaasi b'enku era abasenyi b'amazzi eri ennyumba ya Katonda wange.

- 24 Ne bamuddamu Yoswa ne boogera nti Kubanga abaddu bo baategeezebwa ddala nga Mukama Katonda wo yalagira Musa omuweereza we okubawa ensi yonna, n'okuzikiriza bonna abali mu nsi mu maaso gammwe; kyetwava tutya ennyo olw'obulamu bwaffe ku lwammwe, ne tukola bwe tutyo.
- 25 Ne kaakano, laba, tuli mu mukono gwo: bw'olwooza nga kirungi era kituukirivu okutukola, kola bw'otyoo.
- 26 Era bw'atyoo bwe yabakola, n'abawonya mu mukono gw'abaana ba Isiraeri okubatta.
- 27 Ku lunaku luli Yoswa n'abafuula abaasi b'enku era abasenyi b'amazzi eri ekibiina n'eri ekyoto kya Mukama, ne kaakano, mu kifo ky'anaalagiranga.

Essuula 10

- 1 Awo, Adonizedeki kabaka w'e Yerusaalemi bwe yawulira Yoswa bwe yamenya Ayi n'akizikiriza ddala; nti, bwe yakola Yeriko ne kabaka waamu, bw'atyoo bwe yakola Ayi ne kabaka waamu; era ng'ab'omu Gibyoni baalagaana emirembe n'Abaisiraeri, era nga bali mu bo;
- 2 ne balyoka batya nnyo, kubanga Gibyoni kyali kibuga kinene, ng'ebibuga bya bakabaka bwe byali, era kubanga kyali kisinga Ayi obunene, n'abantu baayo bonna bazira:
- 3 Adonizedeki, kabaka w'e Yerusaalemi, kyeyava atuma eri Kokamu, kabaka w'e Kebbulooni, n'eri Piramu, kabaka w'e Yalamusi; n'eri, Yafiya, kabaka w'e Lakisi, n'eri Debiri, kabaka w'e Eguloni, ng'ayogera nti
- 4 Mulinye gye ndi mumbeere, tukube Gibyoni: kubanga baalagaana emirembe ne Yoswa n'abaana ba Isiraeri.
- 5 Awo bakabaka abataano ab'Abamoli, kabaka w'e Yerusaalemi, kabaka w'e Kebbulooni, kabaka w'e Yalamusi, kabaka w'e Lakisi, kabaka w'e Eguloni, ne bakuaanira wamu, ne balinnya, bo n'eggye lyabwe lyonna, ne basimba olusiisira ku Gibyoni, ne bakirwanyisa.
- 6 N'ab'e Gibyoni ne batumira Yoswa ku lusiisira ku Girugaali nga boogera nti Toddiriza mukono gwo ku baddu bo; olinnye gye tuli mangu, otuwonye, otubeere: kubanga bakabaka bonna ab'Abamoli abatuula mu nsi ey'ensozi bakuaanidde ku ffe.
- 7 Awo Yoswa n'ava mu Girugaali n'alinye, ye n'abalwanyoni bonna awamu naye, n'abazira bonna ab'amaanyi.
- 8 Mukama n'agamba Yoswa nti Tobatya, kubanga mbakuwadde mu mikono gyo: tewaabe muntu mu bo anaayimirira mumaaso go.
- 9 Awo Yoswa n'abajjirira mangu nga tebamanyi; kubanga yava Girugaali n'alinye ekiro n'akeesa obudde.
- 10 Mukama n'abaswaza mu maaso ga Isiraeri, n'abattira ddala bangi mu Gibyoni, n'abagoba mu kkubo eririnye e Besukolooni, n'abakuba okubatuusa ku Azeka ne ku Makkeda.
- 11 Awo, bwe badduka mu maaso ga Isiraeri, ne baserengeta e Besukolooni, Mukama n'asuula amayinja amanene nga gava mu ggulu n'abakuba mu Azeka; ne bafa: abaafa amayinja ag'omuzira ne basinga bali abaana ba Isiraeri be batta n'ekitala.
- 12 Awo Yoswa n'agamba Mukama ku lunaku Mukama lwe yawaayo Abamoli mu maaso g'abaana ba Isiraeri; n'ayogera mu maaso ga Isiraeri nti Enjuba, yimirira ggwe ku Gibyoni; Naawe, omwezi, mu kiwonvu Ayalooni.
- 13 Enjuba n'eyimirira, omwezi ne gulinda, Okutuusa eggwanga bwe lyamala okuwalana eggwanga ku balabe baabwe. Ekyo tekyawandiikibwa mu kitabo kya Yasali? Enjuba n'erinda wakati mu ggulu, n'eteyanguwa kugwa ng'olunaku olulamba.
- 14 So tewali lunaku olwenkana olwo oba olwalusooka oba oluvannyuma lwalwo Mukama

okuwulira eddoozi ly'omuntu: kubanga Mukama yalwanirira Isiraeri.

- 15 Yoswa n'akomawo, n'Abaisiraeri bonna awamu naye, mu lusiisira mu Girugaali.
- 16 Ne bakabaka abo abataano ne badduka, ne beekweka mu mpuku mu Makkeda.
- 17 Ne babuulira Yoswa nti Bakabaka abataano tubalabye, nga beekwese mu mpuku mu Makkeda.
- 18 Yoswa n'ayogera nti Muyiringisirize amayinja amanene mu mulyango gw'empuku, mugiteekeko abantu babakuume;
- 19 naye mmwe temulinda; mugoberere abalabe bammwe, mubakube ab'ennyuma mu bo; temubaganya knyiringira mu bibuga byabwe; kubanga Mukama Katonda wammwe ababawadde mu mukono gwammwe.
- 20 Awo Yoswa n'abaana ba Isiraeri bwe baamalira ddala okutta abantu abangi ennyo, ne baggweerawo ddala, n'abaasigalawo mu bo ne bayingira mu bibuga ebiriko ebigo,
- 21 abantu bonna ne balyoka bakomawo mu lusiisira eri Yoswa mu Makkeda n'emirembe: tewaali muntu eyagezaako okwogera okuvuma n'omu ku baana ba Isiraeri.
- 22 Yoswa n'alyoka ayogera nti Mugguleewo omulyango gw'empuku, muggyemu bakabaka bali abataano mu mpuku.
- 23 Ne bakola bwe batyo, ne baggyamu bakabaka bali abataano mu mpuku ne babamuleetera, kabaka w'e Yerusaalemi, kabaka w'e Kebbuloni, kabaka w'e Yalamusi, kabaka w'e Lakisi, kabaka w'e Eguloni.
- 24 Awo, bwe baggyamu bakabaka bali ne babaleetera Yoswa, Yoswa n'ayita abasajja bonna aba Isiraeri, n'agamba abaami ab'abalwany abaaagenda naye nti Mujje, musse ebigere byammwe mu bulago bwa bakabaka bano. Ne bajja, ne bassa ebigere byabwe mu bulago bwabwe.
- 25 Yoswa n'abagamba nti Temutya, so temukankana, muddeemu amaanyi, mugume emyoyo: kubanga Mukama bw'alibakola bw'atyo abalabe bammwe bonna be mulirwana nabo.
- 26 Oluvannyuma Yoswa n'abafumita, n'abatta, n'abawanika ku miti etaano: ne bawanikibwa ku miti okutuusa olweggulo.
- 27 Awo enjuba bwe yali egwa, Yoswa n'alagira, ne babaggya ku miti, ne babasuula mu mpuku mwe baali beekwese, ne bateeka amayinja amanene mu mulyango gw'empuku, ne kaakano.
- 28 Yoswa n'amanya Makkeda ku lunaku olwo; n'akikuba n'obwogi bw'ekitala, ne kabaka waamu; n'abazikiririza ddala bo n'emyoyo gyonna egyalimu, n'atasigazaako n'omu: n'akola kabaka w'e Makkeda nga bwe yakola kabaka w'e Yeriko.
- 29 Yoswa n'ava mu Makkeda; n'Abaisiraeri bonna awamu naye, n'agenda e Libuna, ne balwana n'ab'e Libuna.
- 30 Mukama nakyo n'akiwaayo, ne kabaka waamu, mu mukono gwa Isiraeri; n'akikuba n'obwogi bw'ekitala, n'emyoyo gyonna egyalimu n'atasigazaamu n'omu; n'akola kabaka waamu nga bwe yakola kabaka w'e Yeriko.
- 31 Yoswa n'ava mu Libuna n'Abaisiraeri bonna awamu naye, n'agenda e Lakisi, n'akisimbako olusiisira, n'akirwanyisa.
- 32 Mukama n'akiwaayo Lakisi mu mukono gwa Isiraeri; n'akimenya ku lunaku olwoku-biri, n'akitta n'obwogi bw'ekitala, n'emyoyo gyonna egyalimu, nga byonna bye yakola Libuna.
- 33 Kolamu kabaka w'e Gezeri n'alyoka alinnya okuyamba Lakisi; Yoswa n'amukuba ye n'abantu be, n'atasigazaako n'omu.
- 34 Yoswa n'ava mu Lakisi, n'Abaisiraeri bonna awamu naye, n'agenda e Eguloni; ne bakisimbako olusiisira, ne bakirwanyisa;
- 35 ne bakimenya ku lunaku olwo, ne bakitta n'obwogi bw'ekitala, n'emyoyo gyonna egyalimu n'agizikiririza ddala ku lunaku olwo; nga byonna bye yakola Lakisi.

- 36 Yoswa n'ava mu Eguloni, n'Abaisiraeri bonna awamu naye, n'agenda e Kebbulooni; ne bakirwanyisa:
- 37 ne bakimenya ne bakitta n'obwogi bw'ekitala, ne kabaka waamu, n'ebibuga byakyo byonna, n'emyoyo gyonna egyalimu; n'atasigazaako n'omu, nga byonna bye yakola Eguloni; naye n'akizikiririza ddala, n'emyoyo gyonna egyalimu.
- 38 Yoswa n'akomawo, n'Abaisiraeri bonna awamu naye, n'agenda e Debiri; n'akirwanyisa:
- 39 n'akimenya ne kabaka waamu, n'ebibuga byakyo byonna; ne babitta n'obwogi bw'ekitala, ne bazikiririza ddala emyoyo gyonna egyalimu; n'atasigazaako n'omu: nga bwe yakola Kebbulooni, bwe yakola bw'atyo Debiri, ne kabaka waamu; era nga bwe yakola Libuna, ne kabaka waamu.
- 40 Bw'atyo Yoswa bwe yakuba ensi yonna, ensi ey'ensozi; n'oluuyi olw'obukiika obwa ddyo, n'ensenyi, n'ebiwonvu, ne bakabaka baamu bonna; n'atasigazaako n'omu: naye n'azikiririza ddala bonna abassa omukka, nga Mukama Katonda wa Isiraeri bwe yalagira.
- 41 Yoswa n'abakuba okuva ku Kadesubanea okutuuka ku Gaza; n'ensi yonna eya Goseni, okutuuka ku Gibyoni.
- 42 Ne bakabaka abo bonna n'ensi yaabwe Yoswa n'abamenya mulundi gumu; kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri, yalwanirira Isiraeri.
- 43 Yoswa n'akomawo, n'Abaisiraeri bonna awamu naye, mu lusiisira mu Girugaali.

Essuula 11

- 1 Awo, Yabini kabaka w'e Kazoli bwe yakiwulira; n'atumira Yobabu kabaka w'e Madoni, ne kabaka w'e Simuloni, ne kabaka w'e Akusafu
- 2 ne bakabaka abaali ku luuyi olw'obukiika obwa kkono, mu nsi ey'ensozi, ne mu Alaba ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olw'e Kinnerosi, ne mu nsenyi, ne mu nsozi ez'e Doli ku luuyi olw'ebugwanjuba,
- 3 eri Omukanani ku buvanjuba ne ku bugwanjuba; n'eri Omwamoli, n'eri Omukiiti, n'eri Omuperizi; n'eri Omuyebusi mu nsi ey'ensozi; n'eri Omukiivi Kerumooni gye lusimba mu nsi ey'e Mizupa.
- 4 Ne bajja, bo n'eggye lyabwe lyonna awamu nabo; abantu bangi, era ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja bwe guli omungi, n'embalaasi n'amagaali bingi nnyo.
- 5 Awo, bakabaka abo bonna ne bakuaana; ne bajja ne basimba olusiisira awamu ku mazzi ag'e Meromu, okulwana ne Isiraeri.
- 6 Mukama n'agamba Yoswa nti Totya olw'abo: kubanga jjo nga kaakano ndibawaayo bonna nga battiddwa mu maaso ga Isiraeri: embalaasi zaabwe olizitema enteega, n'amagaali gaabwe oligookya omuliro.
- 7 Awo Yoswa n'ajja, n'abalwanyoni bonna awamu naye, ne babalumba ku mazzi ag'e Meromu nga tebamanyi, ne babagwako.
- 8 Mukama n'abawaayo mu mukono gwa Isiraeri, ne babakuba, ne babagoba okutuuka ku Sidoni ekinene, ne ku Misurefosumayimu, ne ku kiwonvu Mizupe ku buvanjuba; ne babakuba obutasigazaako n'omu.
- 9 Yoswa n'abakola nga Mukama bwe yamulagidde: n'azitema enteega embalaasi zaabwe, n'ayokya omuliro amagaali gaabwe.
- 10 Yoswa n'adda ennyuma mu biro ebyo, n'amanya Kazoli, ne kabaka waamu n'amutta n'ekitala; kubanga Kazoli edda liri kye kyali ekibuga ekikulu eky'obwakabaka obwo bwonna.
- 11 N'emyoyo gyonna egyalimu ne bagitta n'obwogi bw'ekitala, ne bagizikiririza ddala: tewaasigalawo assa mukka: ne Kazoli n'akyokya omuliro.

- 12 N'ebibuga byonna ebya bakabaka bali, ne bakabaka baamu bonna, Yoswa n'abamenya n'abatta n'obwogi bw'ekitala, n'abazikiririza ddala nga Musa omuweereza wa Mukama bwe yalagira.
- 13 Naye ebibuga ebyayimirira ku bifunvu byabyo, Abaisiraeri ne batayokyako n'ekimu, wabula Kazoli kyokka; ekyo Yoswa n'akyokya.
- 14 N'omunyago gwonna ogw'ebibuga ebyo n'ente, abaana ba Isiraeri ne babyetwalira okuba ebinyage byabwe; naye buli muntu ne bamutta n'obwogi bw'ekitala, ne babazikiriza; ne batasigazaako muntu assa mukka.
- 15 Nga Mukama bwe yalagira Musa omuweereza we, Musa bwe yalagira bw'atyo Yoswa: ne Yoswa bwe yakola bw'atyo; teyaleka kintu obutakikola mu byonna Mukama bye yalagira Musa.
- 16 Bw'atyo Yoswa bwe yatwala ensi eyo yonna ensi ey'ensozi, n'ey'obukiika obwa ddyo yonna, n'ensi yonna eya Goseni, n'ensi ey'ensenyi, ne Alaba, n'ensi ey'ensozi eya Isiraeri n'ensi ey'ensenyi yaayo;
- 17 okuva ku lusozi Kalaki, olulinnya e Seyiri, okutuuka ku Baalugadi mu kiwonvu kya Lebanoni ekiri wansi w'olusozi Kerumooni: ne bakabaka baayo bonna n'abawamba, n'abafumita, n'abatta.
- 18 Yoswa n'alwawo ng'alwana ne bakabaka abo bonna.
- 19 Tewali kibuga ekyalagaana emirembe n'abaana ba Isiraeri, wabula Abakiivi abaali mu Gibyoni: baabimenya byonna mu kulwana.
- 20 Kubanga kyava eri Mukama okukakanyaza emitima gyabwe, okujja okulwana ne Isiraeri, alyoke abazikiririze ddala, baleme okulaba ekisa, naye abazikirize, nga Mukama bwe yalagira Musa.
- 21 Yoswa n'ajja mu biro ebyo, n'amalamu Abanaki mu nsi ey'ensozi, mu Kebbulooni, mu Debiri, mu Anabi, ne mu nsi yonna ey'ensozi eya Yuda, ne mu nsi yonna ey'ensozi eya Isiraeri: Yoswa n'abazikiririza ddala, wamu n'ebibuga byabwe.
- 22 Tewaali Banaki abaasigalawo mu nsi ey'abaana ba Isiraeri: wabula mu Gaza, mu Gaasi, ne mu Asudodi, mwe mwasigala abamu.
- 23 Yoswa bw'atyo bwe yalya ensi yonna; nga byonna Mukama bye yagamba Musa: Yoswa n'agiwa Isiraeri okuba obusika nga bwe baayawulibwa mu bika byabwe. N'ensi n'ewummula okulwana.

Essuula 12

- 1 Bano be bakabaka ab'ensi abaana ba Isiraeri be baakuba, ne balya ensi yaabwe emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba, okuva ku kiwonvu ekya Alunoni okutuuka ku lusozi Kerumooni; ne Alaba yonna ku luuyi olw'ebuvanjuba.
- 2 Sikoni kabaka w'Abamoli, eyabeera mu Kesuboni, era eyafuga okuva ku Aloweri, ekiri ku mabbali g'ekiwonvu ekya Alunoni, n'ekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, n'ekitundu kya Gireyaadi, okutuuka ku mugga Yabboki, ye nsalo ey'abaana ba Amoni
- 3 ne Alaba okutuuka ku nnyanja Kinnerosi, ku luuyi olw'ebuvanjuba, ne ku nnyanja ya Alaba, ye nnyanja ey'omunyo, ku luuyi olw'ebuvanjuba, mu kkubo ery'e Besuyesi-mosi; ne ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, wansi wa Pisuga:
- 4 n'ensalo ya Ogi kabaka w'e Basani, ow'omu Balefa abaasigalawo, eyabeera mu Asutaloosi ne mu Ederei,
- 5 era eyafugira ku lusozi Kerumooni, ne mu Saleka, ne mu Basani yonna, okutuuka ku nsalo ey'Abagesuli n'Abamaakasi, n'ekitundu kya Gireyaadi; ensalo ya Sikoni kabaka w'e Kesuboni.
- 6 Musa omuweereza wa Mukama n'abaana ba Isiraeri baabakuba; ne Musa omuweereza wa Mukama n'agiwa okugirya eri Abalewubeeni, n'Abagaasi, n'ekitundu eky'ekika

kya Manase.

- 7 Era ne bano be bakabaka ab'ensi Yoswa n'abaana ba Isiraeri be baakuba emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebugwanjuba okuva ku Baalugadi mu kiwonvu kya Lebanooni okutuuka ku lusozi Kalaki, olulinnya e Seyiri; Yoswa n'agiwa ebika bya Isiraeri okugirya nga bwe baayawulibwa;
- 8 mu nsi ey'ensozi, ne mu nsi ey'ensenyi, ne mu Alaba, ne ku nsozi awakkirwa, ne mu ddungu, ne mu nsi ey'obukiika obwa ddyo; Omukiiti, Omwamoli, n'Omukanani, Omuperizi, Omukiivi; n'Omuyebusi;
- 9 kabaka w'e Yeriko, omu; kabaka w'e Ayi, ekiriraanye Beseri, omu;
- 10 kabaka w'e Yersaalemi, omu; kabaka w'e Kebbulooni, omu;
- 11 kabaka w'e Yalamusi, omu; kabaka w'e Lakisi, omu;
- 12 kabaka w'e Eguloni, omu; kabaka w'e Gezeri, omu;
- 13 kabaka w'e Debiri, omu; kabaka w'e Gederi, omu;
- 14 kabaka w'e Kaluma, omu; kabaka w'e Yaladi, omu;
- 15 kabaka w'e Libuna, omu; kabaka w'e Adulamu, omu;
- 16 kabaka w'e Makkeda, omu; kabaka w'e Beseri, omu;
- 17 kabaka w'e Tappua, omu; kabaka w'e Keferi; omu;
- 18 kabaka w'e Afeki, omu; kabaka w'e Lasaloni; omu;
- 19 kabaka w'e Madoni, omu; kabaka w'e Kazoli; omu;
- 20 kabaka w'e Simulonimeroni, omu; kabaka w'e Akusafu, omu;
- 21 kabaka w'e Taanaki, omu; kabaka w'e Megiddo, omu;
- 22 kabaka w'e Kedesi, omu; kabaka w'e Yokuneamu ku Kalumeeri, omu;
- 23 kabaka w'e Doli ku lusozi Doli, omu; kabaka w'e Goyiyimu mu Girugaali, omu;
- 24 kabaka w'e Tiruza, omu; bakabaka bonna amakumi asatu mu omu.

Essuula 13

- 1 Yoswa yali ng'akaddiye nga yaakamala emyaka mingi; Mukama n'amugamba nti Okaddiye, waakamala emyaka mingi, naye wasigaddewo ensi nnyingi nnyo okuliibwa.
- 2 Eno ye nsi esigaddewo: ebifo byonna eby'Abafirisuuti n'Abagesuli bonna;
- 3 okuva ku Sikoli, oguliraanye e Misiri, okutuuka ku nsalo ey'e Ekuloni ku luuyi olw'obukiika obwa kkono, ebalirwa Abakanani; abaami abataano ab'Abafirisuuti; Abagaza, n'Abasudodi, n'Abasukuloni, Abagitti, n'Abekuloni;
- 4 era n'abavi, ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo: ensi yonna ey'Abakanani, ne Meala ekyali ekya Basidoni, okutuuka ku Afiki, ku nsalo ey'Abamoli;
- 5 n'ensi ey'Abagebali, ne Lebanooni yonna, ku luuyi olw'ebuvanjuba, okuva ku Baalugadi wansi w'olusozi Kerumooni okutuuka ku Kamasi awayingirirwa;
- 6 abali mu nsi ey'ensozi bonna okuva ku Lebanooni okutuuka ku Misurefosumayimu, be Basidoni bonna; abo ndibagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri; kyokka ogigabire Isiraeri okuba obusika, nga bwe nnakulagira.
- 7 Kale kaakano ensi eno ogigabe okuba obusika eri ebika omwenda, n'ekitundu eky'ekika kya Manase.
- 8 Awamu n'oyo Abalewubeeni n'Abagaadi baaweebwa obusika bwabwe, Musa bwe yabawa, emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba, nga Musa omuweereza wa Mukama bwe yabawa;
- 9 okuva ku Aloweri, ekiri ku mabbali g'ekiwonvu eky'Alunoni, n'ekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, n'olusenyi lwonna olwa Medeba okutuuka ku Diboni;
- 10 n'ebibuga byonna ebya Sikoni kabaka w'Abamoli, eyafuga mu Kesuboni, okutuuka ku nsalo ey'abaana ba Amoni;

- 11 ne Gireyaadi, n'ensalo ey' Abagesuli n' Abamaakasi, n' olusozi lwonna Kerumooni, ne Basani yonna okutuuka ku Saleka:
- 12 obwakabaka bwonna obwa Ogi mu Basani, eyafuga mu Asutaloosi ne mu Ederei (oyo ye yasigalawo mu Balefa abaasigalawo); kubanga abo Musa yabakuba, n' abagoba.
- 13 Naye abaana ba Isiraeri tebaagoba Abagesuli newakubadde Abamaakasi: naye Gesuli ne Maakasi ne babeera wakati mu Isiraeri, ne kaakano.
- 14 Ekika kya Leevi kyokka teyakiwa busika; ebiweebwayo ebikolebwa n' omuliro eri Mukama, Katonda wa Isiraeri, bwe busika bwe, nga bwe yamugamba.
- 15 Musa n' akiwa ekika eky' abaana ba Lewubeeni ng' enda zaabwe bwe zaali.
- 16 N'ensalo yaabwe yava ku Aloweri, ekiri ku mabbali g' ekiwonvu eky' Alunoni, n' ekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, n' olusenyi lwonna oluliraanye Medeba;
- 17 Kesuboni, n' ebibuga byakyo byonna ebiri mu lusenyi; Diboni, ne Bamosubaali, ne Besubaalumyoni:
- 18 ne Yakazi, ne Kedemosi, ne Mefaasi;
- 19 ne Kiriyaayimu, ne Sibuma, ne Zeresusakali ku lusozi olw' omu kiwonvu;
- 20 ne Besupyoli, ne Pisuga awakkirwa, ne Besuyesimosi;
- 21 n' ebibuga byonna eby' olusenyi, n' obwakabaka bwonna obwa Sikoni kabaka w' Abamoli, eyafuga mu Kesuboni, Musa gwe yakuba awamu n' abaami ab' e Midiyaani Evi, ne Lekemu, ne Zuuli, ne Kuli ne Leba, abakungu ba Sikoni, abaabeera mu nsi.
- 22 Era ne Balamu, omwana wa Byoli, omulaguzi, abaana ba Isiraeri ne bamutta n' ekitala awamu n' abalala abattibwa.
- 23 N'ensalo ey' abaana ba Lewubeeni Yoludaani n'ensalo yaagwo. Obwo bwe bwali obusika bw' abaana ba Lewubeeni ng' enda zaabwe bwe zaali, ebibuga n' ebyalo byamu.
- 24 Musa n' akiwa ekika kya Gaadi, be baana ba Gaadi, ng' enda zaabwe bwe zaali.
- 25 N'ensalo yaabwe Yazeri, n' ebibuga byonna ebya Gireyaadi, n' ekitundu eky' ensi ey' abaana ba Amoni, okutuuka ku Aloweri ekyolekedde Labba;
- 26 era okuva ku Kesuboni okutuuka ku Lamaumizupe, ne Betonimu; era okuva ku Makanayimu okutuuka ku nsalo ey' e Debiri;
- 27 ne mu kiwonvu, Besukalamu, ne Besunimira, ne Sukkosi, ne Zafoni, ekitundu ekyasi-galawo eky' obwakabaka bwa Sikoni kabaka ow' e Kesuboni, Yoludaani n'ensalo yaagwo, okutuuka ku lubalama lw' ennyanja ey' e Kinneresi emitala wa Yoludaani ku luuyi olw' ebuwanjuba.
- 28 Obwo bwe busika bw' abaana ba Gaadi ng' enda zaabwe bwe zaali, ebibuga n' ebyalo byamu.
- 29 Musa n' agabira ekitundu eky' ekika kya Manase: n' omugabo gwali gwa kitundu eky' ekika ky' abaana ba Manase ng' enda zaabwe bwe zaali.
- 30 N'ensalo yaabwe yava ku Makanayimu, e Basani yonna, obwakabaka bwonna obwa Ogi kabaka w' e Basani, n' ebibuga byonna bya Yayiri, ebiri mu Basani; ebibuga nkaaga:
- 31 n' ekitundu ekimu eky' e Gireyaadi, ne Asutaloosi, ne Ederei, ebibuga eby' obwakabaka bwa Ogi mu Basani, byali bya baana ba Makiri omwana wa Manase, kye kitundu eky' abaana ba Makiri ng' enda zaabwe bwe zaali.
- 32 Obwo bwe busika Musa bwe yagaba mu nsenyi eza Mowaabu, emitala wa Yoludaani ku Yeriko, ku luuyi olw' ebuwanjuba.
- 33 Naye ekika kya Leevi Musa teyakiwa busika: Mukama, Katonda wa Isiraeri, bwe busika bwabwe, nga bwe yabagamba.

Essuula 14

- 1 Ne buno bwe busika abaana ba Isiraeri bwe baalya mu nsi ya Kaaani, Eriyazaali kabona, ne Yoswa, omwana wa Nuni, n'emitwe gy'ennyumba eza bakitaabwe ez'ebika eby'abaana ba Isiraeri bwe baabagabira,
- 2 mu kalulu ak'obusika bwabwe, nga Mukama bwe yalagira mu mukono gwa Musa, eri ebika omwenda n'ekitundu eky'ekika.
- 3 Kubanga Musa yali ng'agabye obusika obw'ebika bibiri n'ekitundu eky'ekika emitala wa Yoludaani: naye Abaleevi teyabagabira busika mu bo.
- 4 Kubanga abaana ba Yusufu baali ebika bibiri, Manase ne Efulayimu: ne batabawa mugabo mu nsi Abaleevi, wabula ebibuga eby'okutuulamu, n'ebyalo ebyali biriraanye, ettale ery'okulundiramu ente zaabwe n'ebintu byabwe.
- 5 Nga Mukama bwe yalagira Musa, abaana ba Isiraeri bwe baakola bwe batyo, ne bagabana ensi.
- 6 Abaana ba Yuda ne balyoka bajja eri Yoswa mu Girugaali: ne Kalebu, omwana wa Yefune Omukenizi, n'amugamba nti Omanyi ekigambo Mukama kye yagamba Musa ku nze ne ku ggwe mu Kadesubanea.
- 7 Nali naakamala emyaka amakumi ana. Musa omuweereza wa Mukama bwe yantuma okuva mu Kadesubanea okuketta ensi; ne mmuleetera ebigambo nga bwe kyali mu mutima gwange.
- 8 Naye baganda bange abaalinnya nange ne basaanuusa omutima gw'abantu: naye nze nagobererera ddala Mukama Katonda wange:
- 9 Musa n'alayira ku lunaku luli, ng'ayogera nti Mazima ensi gy'olinnyeemu ekigere kyo eriba busika eri ggwe n'eri abaana bo emirembe gyonna, kubanga ogobereredde ddala Mukama Katonda wange.
- 10 Ne kaakano, laba, Mukama ampangaazizza, nga bwe yayogera, emyaka gino amakumi ana mu etaano, okuva ku biro biri Mukama lwe yakigamba Musa ekigambo ekyo, Isiraeri bwe yatambuliranga mu ddungu: ne kaakano, laba, leero naakamala emyaka kinaana mu etaano.
- 11 Okutuusa kaakano nnina amaanyi leero nga bwe nnalina ku lunaku luli Musa lwe yantuma: ng'amaanyi gange bwe gaali mu biro biri, amaanyi gange bwe gali kaakano bwe gatyo, okulwana n'okufuluma n'okuyingira.
- 12 Kale kaakano mpa olusozi luno, Mukama lwe yayogerako ku lunaku luli; kubanga wawulira ku lunaku luli nga Abanaki mwe baali, n'ebibuga ebinene ebiriko ebigo: wozzi Mukama alibeera nange, nange ndibagoba, nga Mukama bwe yayogera.
- 13 Yoswa n'amusabira omukisa; n'amuwa Kalebu omwana wa Yefune Kebbulooni okuba obusika.
- 14 Kebbulooni kye lwava lubeera obusika bwa Kalebu omwana wa Yefune Omukenizi, ne kaakano; kubanga yagobererera ddala Mukama Katonda wa Isiraeri.
- 15 N'erinnya lya Kebbulooni edda lyali Kiriasualuba; Aluba oyo yali mukulu mu Banaki. Ensi n'ewummula okulwana.

Essuula 15

- 1 N'akalulu ak'ekika eky'abaana ba Yuda ng'enda zaabwe bwe zaali kaatuuka ku nsalo ya Edomu, ku lukoola lwa Zini, ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, ku nkomerero ey'obukiika obwo.
- 2 N'ensalo yaabwe ey'obukiika obwo yava ennyanja ey'omunnya gy'eva, ku kikono ekiraba mu bukiika obwa ddyo:
- 3 n'ebuna ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olw'ekkubo eririnnya ku Akulabbimu,

n'eyita n'etuuka ku Zini, n'erinnya ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olwa Kadesubanea, n'eyita kumpi ne Kezulooni, n'erinnya ku Addali, n'ekyamira ku Kaluka:

- 4 n'eyita ku Azumoni, n'ekoma ku mugga ogw'e Misiri; n'enkomerero ez'ensalo zaali ku nnyanja: eyo y'eribeera ensalo yammwe ey'obukiika obwa ddyo.
- 5 N'ensalo ey'ebuvanjuba yali nnyanja ya munnyo, okutuuka Yoludaani we gufukira. N'ensalo ey'oluuyi olw'obukiika obwa kkono yava ku kikono eky'ennyanja Yoludaani we gufukira:
- 6 n'ensalo n'erinnya ku Besukogula, n'eyita ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olwa Besualaba; n'ensalo n'erinnya n'etuuka ku jinja lya Bokani omwana wa Lewubeeni:
- 7 n'ensalo n'erinnya ku Debiri ng'eva mu kiwonvu Akoli, n'egenda ku luuyi olw'obukiika obwa kkono, n'eraba e Girugaali, ye mitala w'ekkubo eririnnya ku Adummimu, oluli emitala w'omugga ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo: n'ensalo n'eyita n'etuuka ku mazzi ag'e Ensesesi, n'enkomerero yaayo yali ku Enerogeri:
- 8 ensalo n'erinnya mu kiwonvu eky'omwana wa Kinomu n'etuuka ku muyegooyego ogw'omu Yebusi ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo (ye Yerusalemi): ensalo n'erinnya kn ntikko ku lusozi oluli awakkirwa mu kiwonvu kya Kinomu ku luuyi olw'ebugwanjuba, ekyali mu nkomerero ey'ekiwonvu kya Lefayimu ku luuyi olw'obukiika obwa kkono:
- 9 ensalo n'ereetebwa okuva ku ntikko ey'olusozi okutuuka ku luzzi olw'amazzi ga Nefutoa, n'ebuna ebibuga eby'oku lusozi Efuloni; ensalo n'ereetebwa ku Baala (ye Kiriyasuyalimu):
- 10 ensalo n'ekyama ng'eva e Baala ku luuyi olw'ebugwanjuba eri olusozi Seyiri, n'eyita n'etuuka ku mabbali ag'olusozi Yealimu ku luuyi olw'obukiika obwa kkono (Iwe Kyesaloni), n'ekka ku Besusemesi, n'eyita ku mabbali ag'e Timuna:
- 11 ensalo n'ebuna amabbali ag'e Ekuloni ku luuyi olw'obukiika obwa kkono: ensalo n'ereetebwa ku Sikkeroni, n'eyita n'etuuka ku lusozi Baala, n'ekoma ku Yabuneeri; n'enkomerero z'ensalo zaali ku nyanja.
- 12 N'ensalo ey'ebugwanjuba yatuuka ku nnyanja ennene, n'ensalo yaayo. Eyo ye nsalo ey'abaana ba Yuda ku njuyi zonna ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 13 Ne Kalebu omwana wa Yefune n'amuwa omugabo mu baana ba Yuda, nga Mukama bwe yalagira Yoswa, ye Kiriasualuba, Aluba oyo yali kitaawe wa Anaki (ye Kebbulooni).
- 14 Kalebu n'agobamu abaana abasatu aba Anaki, Sesayi, ne Akimaani, ne Talumaayi, abaana ba Anaki.
- 15 N'ava eyo, n'alinnya okulwanyisa abaali mu Debiri: n'erinnya lya Debiri edda lyali Kiriasuseferi.
- 16 Kalebu n'ayogera nti Anaakuba Kiriasuseferi n'akimenya, oyo naamuwa omuwala wange Akusa okumuwasa.
- 17 Osunieri omwana wa Kenazi, muganda wa Kalebu, n'akimenya: n'amuwa Akusa muwala we okumuwasa.
- 18 Awo, bwe yajja gy'ali, n'asabisa kitaawe olusuku: n'ava ku ndogoyi ye; Kalebu n'amugamba nti Oyagala ki?
- 19 N'ayogera nti Mpa omukisa; kubanga ontadde mu nsi ey'obukiika obwa ddyo, era mpa n'enzizi ez'amazzi. N'amuwa enzizi ez'engulu n'ez'emmana.
- 20 Obwo bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Yuda ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 21 N'ebibuga eby'enkomerero eby'ekika eky'abaana ba Yuda, eri ensalo ey'e Domu ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, byali Kabuzeeri, ne Ederi, ne Yaguli;
- 22 ne Kina, ne Dimona, ne Adada;
- 23 ne Kedesi, ne Kazoli, ne Isunani;

- 24 Zifu, ne Teremu, ne Bealosi;
 25 ne Kazolukadatta, ne Keriosukezulooni (ye Kazoli);
 26 Amamu, ne Sema, ne Molada;
 27 ne Kazalugadda, ne Kesumoni, ne Besupereti;
 28 ne Kazalusuali, ne Beeruseba, ne Biziosia;
 29 Baala, ne Yimu, ne Ezemu;
 30 ne Erutoladi, ne Kyesiri, ne Koluma;
 31 ne Zikulagi, ne Madumanna, ne Samusanna;
 32 ne Lebaosi, ne Sirukimu, ne Ayini, ne Limmoni: ebibuga byonna biri amakumi abiri mu mwenda, n'ebyalo byabyo.
 33 Mu nsi ey'ensenyi, Esutaoli, ne Zola, ne Asa;
 34 ne Zanowa, ne Engannimu, Tappua, ne Enamu;
 35 Yalamusi, ne Adulamu, Soko, ne Azeka;
 36 ne Saalayimu, ne Adisaimu, ne Gedera, ne Gederosaimu; ebibuga kkumi n'ebina n'ebyalo byabyo.
 37 Zenani, ne Kadasa, ne Migudalugadi;
 38 ne Dirani, ne Mizupe, ne Yokuseeri;
 39 Lalusi, ne Bozukasi, ne Eguloni;
 40 ne Kabboni, ne Lamamu, ne Kitulisi;
 41 ne Gederosi, Besudagoni, ne Naama, ne Makkeda; ebibuga kkumi na mukaaga n'ebyalo byabyo:
 42 Libuna ne Eseri, ne Asani;
 43 ne Ifuta, ne Asuna, ne Nezibu;
 44 ne Keira, ne Akuzibu, ne Malesa; ebibuga mwenda n'ebyalo byabyo.
 45 Ekuloni n'ebibuga byamu n'ebyalo byakyo:
 46 okuva ku Ekuloni okutuuka ku nnyanja, byonna ebiriraanye Asudodi, n'ebyalo byabyo.
 47 Asudodi, ebibuga byakyo n'ebyalo byakyo; Gaza, ebibuga byakyo n'ebyalo byakyo: okutuuka ku mugga ogw'e Misiri, n'ennyanja ennene, n'ensalo yaayo.
 48 Ne mu nsi ey'ensozi, Samiri, ne Yattiri, ne Soko;
 49 ne Danna, ne Kiriasusanna (ye Debiri);
 50 ne Anabu, ne Esutemo, ne Animu;
 51 ne Goseni, ne Koloni, ne Giro; ebibuga kkumi n'ekimu n'ebyalo byabyo.
 52 Alabu, ne Duma, ne Esani;
 53 ne Yanimu, ne Besutappua, ne Afeka;
 54 ne Kumuta, ne Kiriasualuba (ye Kebbulooni), ne Zioli; ebibuga mwenda n'ebyalo byabyo.
 55 Mawoni, Kalumeeri, ne Zifu, ne Yuta;
 56 ne Yezuleeri, ne Yokudeamu, ne Zanoa;
 57 Kaini, Gibe, ne Timuna; ebibuga kkumi n'ebyalo byabyo.
 58 Kalukuli, Besuzuli, ne Gedoli;
 59 ne Maalasi, ne Besuanosi, ne Erutekoni; ebibuga mukaaga n'ebyalo byabyo.
 60 Kiriasubaali (ye Kiriyasuyalimu), ne Labba; ebibuga bibiri n'ebyalo byabyo.
 61 Mu ddungu, Besualaba, Middini, ne Sekaka;
 62 ne Nibusani, n'ekibuga eky'Omunnyo, ne Engedi; ebibuga mukaaga n'ebyalo byabyo.
 63 Era Abayebusi, be baali mu Yerusalemi, abaana ba Yuda ne batayinza kubagobamu: naye Abayebusi ne babeera wamu n'abaana ba Yuda mu Yerusalemi, ne kaakano.

Essuula 16

- 1 N'akalulu ak'abaana ba Yusufu kaava ku Yoludaani Yeriko we kiri, ku mazzi ag'e Yeriko ku luuyi olw'ebuvanjuba, lye ddungu erirannya nga liva ku Yeriko ne liyita mu nsi ey'ensozi ne lituuka ku Beseri;
- 2 ne kava mu Beseri ne kabuna Eruzi, ne kayita ku nsalo ey'Abaluki mu Atalosi;
- 3 ne kakka ku luuyi olw'ebugwanjuba ku nsalo ey'Abayafuleti, ku nsalo ey'e Besukolooni eky'emmanga, ku Gezeri; n'enkomerero zaako zaali ku nnyanja.
- 4 N'abaana ba Yusufu, Manase ne Efulayimu, ne batwala obusika bwabwe:
- 5 N'ensalo ey'abaana ba Efulayimu ng'enda zaabwe bwe zaali yali bw'eti: ensalo ey'obusika bwabwe ku luuyi olw'ebuvanjuba yali Atalosuaddali, okutuuka ku Besukolooni eky'engulu;
- 6 ensalo n'ekoma ku luuyi olw'ebugwanjuba ku Mikumesasi ku luuyi olw'obukiika obwa kkono; ensalo ne yeetooloola ku luuyi olw'ebuvanjuba ku Taanasusuro, n'ekiya-tako ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'e Yanoa;
- 7 n'eva mu Yanoa n'ekka ku Atalosi, ne ku Naala, n'etuuka ku Yeriko, n'ekoma ku Yoludaani:
- 8 Okuva mu Tappua ensalo n'eyita ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka ku mugga Kana n'enkomerero zaayo zaali ku nnyanja. Buno bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Efulayimu ng'enda zaabwe bwe zaali;
- 9 wamu n'ebibuga ebyaterekerwa abaana ba Efulayimu wakati mu busika obw'abaana ba Manase, ebibuga byonna n'ebyalo byabyo.
- 10 Ne batagoba Bakanani abaali mu Gezeri: naye Abakanani ne babeera wakati mu Efulayimu, ne kaakano, ne bafuuka abaddu okukola emirimu emiragire.

Essuula 17

- 1 Ne kano ke kaali akalulu ak'ekika kya Manase kubanga oyo ye yali omubereberye wa Yusufu. Makiri, omubereberye wa Manase, era jjajja wa Gireyaadi, kubanga yali mulwanyi, kyeyava alya Gireyaadi ne Basani:
- 2 N'akalulu ak'abaana ba Manase abalala kaali ng'enda zaabwe bwe zaali; ak'abaana ba Abiezeri, n'ak'abaana ba Kereki, n'ak'abaana ba Asuliyeri, n'ak'abaana ba Sekemu, n'ak'abaana ba Keferi, n'ak'abaana ba Semida: abo be baana ab'obulenzi aba Manase omwana wa Yusufu ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 3 Naye Zerofekadi, omwana wa Keferi, omwana wa Gireyaadi, omwana wa Makiri, omwana wa Manase, teyazaala ba bulenzi, wabula ab'obuwala: na gano ge mannya ag'abaana be ab'obuwala, Maala, ne Noowa, Kogula, Mirika, ne Tiruza
- 4 Ne basemberera Eriyazaali kabona, ne Yoswa omwana wa Nuni, n'abakulu, nga boogera nti Mukama yalagira Musa okutuwa obusika mu baganda baffe: kyeyava abawa, nga Mukama bwe yalagira, obusika mu baganda ba kitaabwe.
- 5 Ebitundu kkumi ne bituuka ku Manase, obutassaako nsi ya Gireyaadi ne Basani, eri emitala wa Yoludaani;
- 6 kubanga abaana ba Manase abawala baalya obusika mu baana be ab'obulenzi: n'ensi ya Gireyaadi abaana abalala aba Manase ne bagirya.
- 7 N'ensalo ya Manase yava mu Aseri n'etuuka ku Mikumesasi, Sekemu gye kiraba; ensalo n'eyita ku mukono ogwa ddyo, n'etuuka ku abo abaali mu Entappua.
- 8 Ensi ya Tappua Manase n'agirya: naye Tappua (ekyali) mu nsalo ya Manase abaana ba Efulayimu ne bakirya.
- 9 Ensalo n'ekka n'etuuka ku mugga Kana, ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olw'omugga: ebibuga ebyo Efulayimu n'abirya mu bibuga bya Manase: n'ensalo ya

Manase yali ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olw'omugga, n'enkomerero zaayo zaali ku nnyanja:

- 10 oluuyi olw'obukiika obwa ddyo Efulayimu n'alulya, n'oluuyi olw'obukiika obwa kkono Manase n'alulya, n'ennyanja yali nsalo ye; ne batuuka ku Aseri ku luuyi olw'obukiika obwa kkono, ne ku Isakaali ku luuyi olw'ebuvanjuba.
- 11 Manase n'alya mu (nsi) ya Isakaali n'eya Aseri, Besuseani n'ebibuga byakyo, ne Ibuleamu n'ebibuga byakyo, n'abali mu Doli n'ebibuga byakyo, n'abali mu Endoli n'ebibuga byakyo, n'abali mu Taanaki n'ebibuga byakyo, n'abali mu Megiddo n'ebibuga byakyo, ze nsozi essatu.
- 12 Naye abaana ba Manase ne batayinza kugobamu (abaali mu) bibuga ebyo; naye Abakanani ne baagala okubeera mu nsi eyo.
- 13 Awo, abaana ba Isiraeri bwe baafuna amaanyi, ne bakoza Abakanani emirimu emiragire, ne batabagobera ddala.
- 14 Abaana ba Yusufu ne bagamba Yoswa, nga boogera nti Kiki ekikumpeesezza akalulu akamu kokka n'ekitundu ekimu okuba obusika, kuba ndi ggwanga ddene, kuba okutuuka leero Mukama yampanga omukisa?
- 15 Yoswa n'agamba nti Oba oli ggwanga ddene, golokoka ogende mu kibira, weesaayire omwo mu nsi ey'Abaperizi n'ey'Abalefa; kubanga ensi ey'ensozi ya Efulayimu ekufunza.
- 16 Abaana ba Yusufu ne boogera nti Ensi ey'ensozi tetumala: n'Abakanani bonna abali mu nsi ey'ekiwonvu balina amagaali ag'ebiyuma, abo abali mu Besuseani n'ebibuga byakyo era n'abo abali mu kiwonvu eky'e Yezureeri.
- 17 Yoswa n'agamba ennyumba ya Yusufu, ye Efulayimu ne Manase, ng'ayogera nti Oli ggwanga ddene, era olina n'amaanyi mangi: toliba na kalulu kamu kokka:
- 18 naye ensi ey'ensozi eribeera yiyo; kuba newakubadde nga kibira, olikisaawa, n'amakubo agavaamu galiba gago: kubanga Abakanani olibagobamu, newakubadde nga balina amagaali ag'ebiyuma, era newakubadde nga ba maanyi.

Essuula 18

- 1 N'ekibiina kyonna eky'abaana ba Isiraeri ne bakuaanira mu Siiro, ne basimba eyo eweema ey'okusisinkanirangamu: ensi n'ejeemulukuka mu maaso gaabwe.
- 2 Era waasigalawo mu baana ba Isiraeri ebika musanvu, ebitannagabana busika bwabyo.
- 3 Yoswa n'agamba abaana ba Isiraeri nti Mulituusa wa okugayaala okuyingira okulya ensi, Mukama Katonda wa bajjajjammwe gye yabawa?
- 4 Mwerondere abantu basatu buli kika: nange ndibatuma, nabo baligolokoka ne batambula mu nsi yonna, ne bagiwandiika bw'efaanana ng'obusika bwabwe bwe buli ne balyoka bajja gye ndi.
- 5 Era baligigaba ebitundu musanvu: Yuda alibeera mu nsalo ye ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, n'ennyumba ya Yusufu eribeera mu nsalo yaabwe ku luuyi olw'obukiika obwa kkono.
- 6 Era muliwandiika ensi mu bitundu musanvu, ne muleeta gye ndi (bye muwandiise): nange ndibakubira obululu wano mu maaso ga Mukama Katonda waffe.
- 7 Kubanga Abaleevi tebalina mugabo mu mmwe; kubanga obwakabona bwa Mukama bwe busika bwabwe: ne Gaadi ne Lewubeeni n'ekitundu eky'ekika kya Manase baamala okuweebwa obusika bwabwe emitala wa Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba, Musa omuweereza wa Mukama bwe yabawa.
- 8 Abantu ne bagolokoka ne bagenda: Yoswa n'alagira abo abaagenda okuwandiika ensi, ng'ayogera nti Mugende mutambule mu nsi yonna, mugiwandiike, mukomewo gye

- ndi, nange ndibakubira obululu wano mu maaso ga Mukama mu Siiro:
- 9 Abantu ne bagenda ne bayita mu nsi, ne bagiwandiika buli kibuga mu bitundu musanvu mu kitabo, ne bajja eri Yoswa mu lusiisira mu Siiro.
 - 10 Yoswa n'abakubira obululu mu Siiro mu maaso ga Mukama: Yoswa n'abagabira eyo ensi abaana ba Isiraeri ng'emigabo gyabwe bwe gyali.
 - 11 Akalulu ak'ekika eky'abaana ba Benyamini ne kajja ng'enda zaabwe bwe zaali; n'ensalo ey'akalulu kaabwe ne kasookera wakati mu baana ba Yuda n'abaana ba Yusufu.
 - 12 N'ensalo yaabwe ey'obukiika obwa kkono yava ku Yoludaani: ensalo n'erinnya ku muyegooyego ogw'e Yeriko ku luuyi oiw'obukiika obwa kkono, n'erinnya mu nsi ey'ensozi ku luuyi olw'ebugwanjuba; n'enkomerero zaayo zaali ku lukoola olw'e Besaveni.
 - 13 Ensalo n'eva eyo n'eyita n'etuuka ku Luzi, ku muyegooyego ogw'e Luzi (ye Beseri), ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo; ensalo n'ekka ku Atalosuaddali kumpi n'olusozi oluli ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olw'e Besukolooni eky'emmanga.
 - 14 Ensalo n'ereetebwa ne yeetooloola ku luuyi olw'ebugwanjuba (n'egenda) obukiika obwa ddyo ng'eva ku lusozi Besukolooni gye kiraba obukiika obwa ddyo; n'enkomerero zaayo zaali ku Kiriasubaali (ye Kiriyasuyalimu), ekibuga eky'abaana ba Yuda olwo luuyi olw'ebugwanjuba.
 - 15 N'oluuyi olw'obukiika obwa ddyo lwava Kiriyasuyalimu gye kikoma, ensalo n'ebuna ebugavanjuba, n'ebuna oluzzi olw'amazzi ga Nefutoa:
 - 16 ensalo n'ekka olusozi gye lusimba oluliraanye ekiwonvu eky'omwana wa Kinomu, ekyali mu kiwonvu kya Lefa ku luuyi olw'obukiika obwa kkono; n'ekka mu kiwonvu kya Kinomu, ku bbalama ery'omu Yebusi ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, n'ekka ku Enerogeri;
 - 17 n'ereetebwa ku bukiika obwa kkono, n'ekoma mu Ensesesi, n'ebuna Geriroso, ekiri emitala w'ekkubo eririnnya okugenda Adummimu; n'eyita n'etuuka ku jinja lya Bokani omwana wa Lewubeeni;
 - 18 n'eyita ku bbali okwolekera Alaba ku luuyi olw'obukiika obwa kkono, n'ekka mu Alaba:
 - 19 ensalo n'eyita n'etuuka ku mabbali ag'e Besukogula ku luuyi olw'obukiika obwa kkono: n'enkomerero z'ensalo zaali ku kikono eky'obukiika obwa kkono eky'ennyanja ey'omunnya, Yoludaani we gufukira: eyo ye nsalo ey'obukiika obwa ddyo.
 - 20 Ne Yoludaani gwali nsalo yaayo ku luuyi olw'ebugwanjuba. Obwo bwe bwali obusika obw'abaana ba Benyamini, mu nsalo zaabwo ezeetoolodde ng'enda zaabwe bwe zaali.
 - 21 Era ebibuga eby'ekika eky'abaana ba Benyamini ng'enda zaabwe bwe zaali byali Yeriko, ne Besukogula, ne Emekkezizi;
 - 22 ne Besualaba, ne Zemalaimu, ne Beseri;
 - 23 ne Avvimu; ne Pala, ne Ofula;
 - 24 ne Kefalamoni, ne Ofuni, ne Geba; ebibuga kkumi na bibiri n'ebyalo byabyo;
 - 25 Gibyoni, ne Laama, ne Beerosi;
 - 26 ne Mizupe, ne Kefira, ne Moza;
 - 27 ne Lekemu, ne Irupeeri, ne Talala;
 - 28 ne Zeera, Erefu, n'Omuyebusi (ye Yerusalemi), Gibeasi, (ne) Kiriasi; ebibuga kkumi na bina n'ebyalo byabyo. Obwo bwe busika obw'abaana ba Benyamini ng'enda zaabwe bwe zaali.

Essuula 19

- 1 N'akalulu ak'okubiri ne kagwira Simyoni kye kika eky'abaana ba Simyoni ng'enda zaabwe bwe zaali: n'obusika bwabwe bwali wakati mu busika obw'abaana ba Yuda.
- 2 Ne balya obusika bwabwe, Beeruseba oba Seba, ne Molada;
- 3 ne Kazalusuali, ne Bala; ne Ezemu;
- 4 ne Erutoladi, ne Besuli, ne Koluma;
- 5 ne Zikulagi, ne Besumalukabosi ne Kazalususa;
- 6 ne Besulebaosi, ne Salukeni; ebibuga kkumi na bisatu n'ebyalo byabyo.
- 7 Ayini, Limmoni, ne Eseri, ne Asani; ebibuga bina n'ebyalo byabyo:
- 8 n'ebyalo byonna ebyetoolodde ebibuga ebyo okutuuka ku Baalasureeri, Laama eky'obukiika obwa ddyo. Obwo bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Simyoni ng'enda zaabwe bwe zaali:
- 9 Mu kitundu eky'abaana ba Yuda mwe mwava obusika obw'abaana ba Simyoni: kubanga omugabo ogw'abaana ba Yuda gwabalema okubuna: abaana ba Simyoni kyebaava balya obusika wakati mu busika bwabwe:
- 10 N'akalulu ak'okusatu ne kajja ku baana ba Zebbulooni ng'enda zaabwe bwe zaali: n'ensalo ey'obusika bwabwe yatuuka ku Salidi:
- 11 n'ensalo yaabwe n'erinnya ku luuyi olw'ebugwanjuba, n'etuuka ku Malala, n'etuuka ku Dabbesesi; n'etuuka ku mugga Yokunemu we kiraba;
- 12 n'eva ku Salidi n'ekyamira ku luuyi olw'ebugwanjuba okutuuka ku nsalo ey'e Kisulosutaboli; n'ebuna ku Daberasi, n'erinnya ku Yafiya;
- 13 n'eva eyo n'eyita ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka ku Gasukeferi, ku Esukazini; n'ekoma ku Limmoni ekituuka ku Nea.
- 14 ensalo ne yeetooloola ku luuyi olw'obukiika obwa kkono n'etuuka ku Kannasoni n'enkomerero zaayo zaali ku kiwonvu Ifutakeri;
- 15 ne Kattasi, ne Nakalali, ne Simuloni, ne Idala, ne Besirekemu: ebibuga kkumi na bibiri n'ebyalo byabyo.
- 16 Obwo bwe busika obw'abaana ba Zebbulooni ng'enda zaabwe bwe zaali, ebibuga ebyo n'ebyalo byabyo.
- 17 Akalulu ak'okuna ne kakwata Isakaali, be baana ba Isakaali ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 18 N'ensalo yaabwe n'etuuka ku Yezuleeri, ne Kesulosi, ne Sunemu;
- 19 ne Kafalaimu, ne Sioni, ne Anakalasi;
- 20 ne Labbisi, ne Kisioni, ne Ebezi:
- 21 ne Lemesi, ne Engannimu, ne Enkadda, ne Besupazzezi;
- 22 ensalo n'etuuka ku Taboli, ne Sakazuma, ne Besusemesi; n'enkomerero z'ensalo yaabwe zaali ku Yoludaani: ebibuga kkumi na mukaaga n'ebyalo byabyo.
- 23 Obwo bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Isakaali: ng'enda zaabwe bwe zaali, ebibuga n'ebyalo byabyo.
- 24 N'akalulu ak'okutaano ne kakwata ekika eky'abaana ba Aseri ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 25 N'ensalo yaabwe yali Kerukasi, ne Kali, ne Beteni, ne Akusafu;
- 26 ne Alammereki, ne Amadi, ne Misali; n'etuuka ku Kalumeeri ku luuyi olw'ebugwanjuba, ne ku Sikolulibunasi;
- 27 n'ekyamira ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka ku Besudagoni, n'etuuka ku Zebbulooni, ne ku kiwonvu Ifutakeri ku luuyi olw'obukiika obwa kkono okutuuka ku Besuemeki ne Neyeri; n'ebuna ku Kabuli ku mukono ogwa kkono,
- 28 ne Ebuloni, ne Lekobu, ne Kammoni, ne Kana, okutuuka ku Sidoni ekinene;
- 29 ensalo n'ekyamira ku Laama, ne ku kibuga ekiriko ekigo Tuulo; ensalo n'ekyamira ku

Kosa; n'enkomerero zaayo zaali ku nnyanja mu nsi eriraanye Akuzibu:

- 30 era ne Uma, ne Afiki, ne Lekobu: ebibuga amakumi abiri mu bibiri n'ebyalo byabyo:
- 31 Obwo bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Aseri ng'enda zaabwe bwe zaali, ebibuga ebyo n'ebyalo byabyo.
- 32 Akalulu ak'omukaaga ne kagwira abaana ba Nafataali, be baana ba Nafutaali ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 33 N'ensalo yaabwe yava ku Kerefu, okuva ku mwera oguli mu Zaananimu, ne Adaminekebu, ne Yabuneeri, okutuuka ku Lakkumu; n'enkomerero zaayo zaali ku Yoludaani:
- 34 ensalo n'ekyamira ku luuyi olw'ebugwanjuba n'etuuka ku Azunosutaboli, n'eva eyo n'ebuna ku Kukkokki; n'etuuka ku Zebbulooni ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, n'etuuka ku Aseri ku luuyi olw'ebugwanjuba, ne ku Yuda ku Yoludaani ku luuyi olw'ebuvanjuba.
- 35 N'ebibuga ebiriko ebigo byali Ziddimu, Zeri, ne Kammasi, Lakkasi, ne Kinneresi;
- 36 ne Adama, ne Laama, ne Kazoli;
- 37 ne Kesedi, ne Ederei, ne Enkazoli;
- 38 ne Ironi, ne Migudaleri, Kolemu, ne Besuanasi, ne Besusemesi; ebibuga kkumi na mwenda n'ebyalo byabyo.
- 39 Obwo bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Nafutaali ng'enda zaabwe bwe zaali, ebibuga n'ebyalo byabyo.
- 40 Akalulu ak'omusanvu ne kagwira ekika ky'abaana ba Daani ng'enda zaabwe bwe zaali.
- 41 N'ensalo ey'obusika bwabwe yali Zola, ne Esutaoli, ne Irusemesi;
- 42 ne Saalabbini, ne Ayalooni, ne Isula;
- 43 ne Eroni, ne Timuna, ne Ekuloni;
- 44 ne Eruteke, ne Gibbesoni, ne Baalasi;
- 45 ne Yekudi, ne Beneberaki, ne Gasulimmoni;
- 46 ne Meyalakoni, ne Lakoni, n'ensalo Yafo gye kiraba.
- 47 Ensalo ey'abaana ba Ddaani n'ebuna ensi etali yaabwe: kubanga abaana ba Ddaani baalinnya ne balwanyisa Lesemu, ne bakimenya, ne bakitta n'ekitala ne bakirya, ne bakibeeramu, ne bakituuma Lesemu Ddaani, lye linnya lya Ddaani jjajjaabwe.
- 48 Obwo bwe busika obw'ekika eky'abaana ba Ddaani ng'enda zaabwe bwe zaali, ebibuga ebyo n'ebyalo byabyo.
- 49 Bwe batyo bwe baamalira ddala okugaba ensi okuba obusika mu nsalo zaayo; n'abaana ba Isiraeri ne bawa Yoswa omwana wa Nuni obusika wakati waabwe:
- 50 nga Mukama bwe yalagira ne bamuwa ekibuga kye yasaba, ye Timunasusera mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu n'azimba ekibuga n'abeera omwo.
- 51 Obwo bwe busika, Eriyazaali kabona ne Yoswa omwana wa Nuni n'emitwe (egy'ennyumba) za bakitaabwe ez'ebika eby'abaana ba Isiraeri bwe baagabanira n'obululu okuba obusika mu Siiro mu maaso ga Mukama mu mulyango ogw'eweema gye baakuanirangamu. Bwe batyo bwe baamalira ddala okugabana ensi.

Essuula 20

- 1 Mukama n'agamba Yoswa nti
- 2 Ogambe abaana ba Isiraeri nti Mweterekere ebibuga eby'okuddukirangamu, bye nnabagambako mu mukono gwa Musa:
- 3 omussi atta omuntu yenna nga tayagadde nga talabye alyoke abiddukirengamu: n'ebyo binaabanga ekiddukiro kyammwe eri omuwalanyi w'omusaayi.
- 4 Era anaddukiranga mu kimu ku bibuga ebyo, anaayimiranga ku muzigo gwa

wankaaki ow'ekibuga, anaabuuliranga ensonga ye mu matu g'abakadde ab'ekibuga ekyo; nabo banaamutwalanga mu kibuga gye bali, banaamuwanga ekifo, alyoke ababeeremu.

- 5 Era oba ng'omuwalanyi w'omusaayi anaamugobereranga, tebaawengayo mussi mu mukono gwe: kubanga yakuba muntu munne nga talabye, nga tamukyawanga.
- 6 Naye anaabeeranga mu kibuga omwo, okutuusa lw'anaayimiriranga mu maaso g'ekibiina okusalirwa omusango, okutuusa kabona asinga obukulu anaabeerangawo mu nnaku ezo lw'alifa: omussi n'alyoka addayo n'ajja mu kibuga kye, ne mu nnyumba ye, mu kibuga mwe yava okudduka.
- 7 Ne batereka Kedesi mu Ggaliraaya mu nsi ey'ensozi eya Nafutaali, ne Sekemu mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, ne Kiriasualuba (ye Kebbulooni) mu nsi ey'ensozi eya Yuda.
- 8 N'emitala wa Yoludaani ku Yeriko ku luuyi olw'ebuvanjuba, baatereka Bezeri mu lukoola mu lusenyi mu kika kya Lewubeeni, ne Lamosi mu Gireyaadi mu kika kya Gaadi, ne Golani mu Basani mu kika kya Manase.
- 9 Ebyo bye bibuga ebyalagirirwa abaana ba Isiraeri bonna, ne munnaggwanga abalimu, buli attanga omuntu yenna nga talabye addukire omwo, aleme okuttibwa n'omukono gw'omuwalanyi w'omusaayi, okutuusa lw'aliyimirira mu maaso g'ekibiina.

Essuula 21

- 1 Awo emitwe (egy'ennyumba) za bakitaabwe ez'Abaleevi ne bajja eri Eriyazaali kabona n'eri Yoswa omwana wa Nuni n'eri emitwe (egy'ennyumba) za bakitaabwe ez'ebika eby'abaana ba Isiraeri:
- 2 ne babagambira mu Siiro mu nsi ya Kanani nti Mukama yalagira mu mukono gwa Musa okutuwa ebibuga eby'okubeeramu, n'ebyalo ebiriraanye, (ettale ery'okulundiramu) ente zaffe.
- 3 Abaana ba Isiraeri ne bawa Abaleevi mu busika bwabwe, nga Mukama bwe yalagira, ebibuga bino n'ettale lyabyo.
- 4 N'akalulu ne kavaamu enda ez'Abakokasi: n'abaana ba Alooni kabona, abaali ab'ekika ky'Abaleevi, ne baweebwa akalulu mu kika kya Yuda, ne mu kika eky'Abasimyoni, ne mu kika kya Benyamini, ebibuga kkumi na bisatu.
- 5 N'abaana ba Kokasi abalala ne baweebwa akalulu mu nda ez'ekika kya Efulayimu, ne mu kika kya Ddaani, ne mu kitundu eky'ekika kya Manase, ebibuga kkumi.
- 6 N'abaana ba Gerusoni ne baweebwa akalulu mu nda ez'ekika kya Isakaali, ne mu kika kya Aseri, ne mu kika kya Nafutaali, ne mu kitundu eky'ekika kya Manase mu Basani; ebibuga kkumi na bisatu.
- 7 Abaana ba Merali ne baweebwa ng'enda zaabwe bwe zaali mu kika kya Lewubeeni, ne mu kika kya Gaadi, ne mu kika kya Zebbulooni, ebibuga kkumi na bibiri.
- 8 N'abaana ba Isiraeri ne babawa n'obululu Abaleevi ebibuga ebyo n'ettale lyabyo, nga Mukama bwe yalagira mu mukono gwa Musa.
- 9 Ne babawa mu kika eky'abaana ba Yuda, ne mu kika eky'abaana ba Simyoni, ebibuga bino ebigenda okumenyebwa:
- 10 ne biba bya baana ba Alooni, ab'enda ez'Abakokasi, ab'omu baana ba Leevi: kubanga omugabo gwabwe gwe gwasooka.
- 11 Ne babawa Kiriasualuba, (Aluba oyo yali) kitaawe wa Anaki, (ye Kebbulooni), mu nsi ey'ensozi eya Yuda, n'ebyalo byakyo ebikyetoolodde.
- 12 Naye enimiro z'ekibuga n'ebyalo byakyo ne babiwa Kalebu omwana wa Yefune okubirya.
- 13 Ne bawa abaana ba Alooni kabona Kebbulooni n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ekibuga

- eky'okuddukirangamu omussi, ne Libuna n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 14** ne Yattiri n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Esutemoa n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 15** ne Koloni n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Debiri n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 16** ne Aini n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Yuta n'ebyalo byakyo ebiriraanye, (ne) Besusemesi n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga mwenda mu bika ebyo ebibiri.
- 17** Ne mu kika kya Benyamini, Gibyoni n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Geba n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 18** Anasosi n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Alumoni n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 19** Ebibuga byonna eby'abaana ba Alooni, bakabona, byali ebibuga kkumi na bisatu n'ebyalo, byabyo ebiriraanye.
- 20** N'enda ez'abaana ba Kokasi, Abaleevi, be baana ba Kokasi abalala, ne balya ebibuga eby'akalulu kaabwe mu kika kya Efulayimu.
- 21** Ne babawa Sekemu n'ebyalo byakyo ebiriraanye mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, ekibuga eky'okuddukirangamu omussi, ne Gezeri n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 22** ne Kibuzaimu n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Besukolooni n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 23** Ne mu kika kya Ddaani, Eruteke n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Gibbesoni n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 24** Ayalooni n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Gasulimmoni n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 25** Ne mu kitundu eky'ekika kya Manase, Taanaki, n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Gasulimmoni n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bibiri.
- 26** Ebibuga byonna eby'enda ez'abaana ba Kokasi abalala byali kkumi n'ebyalo byabyo ebiriraanye.
- 27** (Ne bawa) abaana ba Gerusoni; ab'enda ez'Abaleevi, mu kitundu eky'ekika kya Manase Golani mu Basani n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ekibuga eky'okuddukirangamu omussi; ne Beesutera n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bibiri.
- 28** Ne mu kika kya Isakaali, Kisioni n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Daberasi n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 29** Yalamusi n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Enganimu n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 30** Ne mu kika kya Aseri, Misali n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Abudoni n'ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 31** Kerukasi n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Lekobu n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 32** Ne mu kika kya Nafutaali, Kedesi mu Ggaliraaya n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ekibuga eky'okuddukirangamu omussi, ne Kammasudoli n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Kalutani, n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bisatu.
- 33** Ebibuga byonna eby'Abagerusoni ng'enda zaabwe bwe zaali byali ebibuga kkumi na bisatu n'ebyalo byabyo ebiriraanye.
- 34** (Ne bawa) enda ez'abaana ba Merali, (be) Baleevi abalala, mu kika kya Zebbulooni, Yokuneamu n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Kaluta n'ebyalo byakyo ebiriraanye,
- 35** Dimuna n'ebyalo byakyo ebiriraanye, Nakalali n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 36** Ne mu kika kya Lewubeeni, Bezeri n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Yakazi n'ebyalo byakyo ebiriraanye,
- 37** Kedemosi n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ne Mefaasi n'ebyalo byakyo ebiriraanye; ebibuga bina.
- 38** Ne mu kika kya Gaadi, Lamosi mu Gireyaadi n'ebyalo byakyo ebiriraanye, ekibuga

- eky' okuddukirangamu omussi, ne Makanayimu n' ebyalo byakyo ebiriraanye;
- 39** Kesuboni n' ebyalo byakyo ebiriraanye, Yazeri n' ebyalo byakyo ebiriraanye; byonna ebibuga bina.
- 40** Ebyo byonna byali bibuga bya baana ba Merali ng' enda zaabwe bwe zaali, ze nda endala ez' Abaleevi; n' akalulu kaabwe kaali ebibuga kkumi na bibiri.
- 41** Ebibuga byonna eby' Abaleevi (ebyali) wakati mu butaka obw' abaana ba Isiraeri byali ebibuga amakumi ana mu munaana n' ebyalo byabyo ebiriraanye.
- 42** Ebibuga ebyo byonna byalina ebyalo byabyo ebibyetoolodde: bwe byali bwe bityo ebibuga ebyo byonna
- 43** Mukama bwe yawa bw' atyo Abaisiraeri ensi yonna gye yalayirira okuwa bajjaj-jaabwe; ne bagirya, ne bagibeeramu:
- 44** Mukama n' abawummuza enjuyi zonna, nga byonna bye yalayirira bajjajjaabwe: so tewaali muntu mu balabe baabwe bonna eyayimirira mu maaso gaabwe; Mukama yawaayo abalabe baabwe bonna mu mukono gwabwe.
- 45** Tewali kigambo ekitaatuuka mu birungi byonna Mukama bye yagamba ennyumba ya Isiraeri; byonna byatuuka.

Essuula 22

- 1** Awo Yoswa n' ayita Abalewubeeni, n' Abagaadi, n' ekitundu eky' ekika kya Manase,
- 2** n' abagamba nti Mukutte byonna Musa omuweereza wa Mukama bye yabalagira, era muwulidde eddobozi lyange mu byonna bye nnabalagira:
- 3** temulekanga baganda bammwe ennaku ezo ennyingi okutuuka leero, naye mukutte ekiragiro eky' etteeka lya Mukama Katonda wammwe.
- 4** Ne kaakano Mukama Katonda wammwe awummuzizza baganda bammwe, nga bwe yabagamba: kale kaakano mukyuke musingire mu weema zammwe (mugende) mu nsi ey' obutaka bwammwe, Musa omuweereza wa Mukama gye yabawa emitala wa Yoludaani.
- 5** Naye mwekuumenga nnyo okukwatanga ekiragiro n' etteeka, Musa omuweereza wa Mukama lye yabalagira, okwagalanga Mukama Katonda wammwe, n' okutambuliranga mu makubo ge gonna, n' okukwatanga amateeka ge, n' okwegattanga naye, n' okumuweerezanga n' omutima gwammwe gwonna era n' emmeeme yammwe yonna.
- 6** Awo Yoswa n' abasabira omukisa, n' abasindika: ne bayingira mu weema zaabwe.
- 7** Naye ekitundu ekimu eky' ekika kya Manase Musa yakiwa (obusika) mu Basani: naye ekitundu eky' okubiri Yoswa n' akiwa mu baganda baabwe emitala wa Yoludaani ku luuyi olw' ebugwanjuba: Era Yoswa bwe yabasindika mu weema zaabwe, n' abasabira omukisa,
- 8** n' abagamba nti Mukomeewo n' ebintu bingi mu weema zammwe, n' ente nnyingi nnyo, n' effeeza, ne zaabu, n' ebikomo, n' ebyuma, n' engoye nnyingi nnyo; mugabane omunyago ogw' abalabe bammwe ne baganda bammwe.
- 9** N' abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi n' ekitundu eky' ekika kya Manase ne baddayo nga bava mu baana ba Isiraeri mu Siiro, ekiri mu nsi ya Kanani, okugenda mu nsi ya Gireyaadi, mu nsi ey' obutaka bwabwe, gye baalya, nga Mukama bwe yalagira mu mukono gwa Musa.
- 10** Bwe baatuuka mu nsi eriraanye Yoludaani, eri mu nsi ya Kanani, abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi n' ekitundu eky' ekika kya Manase ne bazimba awo ekyoto ku Yoludaani, ekyoto ekinene ekitunuulirwa.
- 11** N' abaana ba Isiraeri ne bawulira nga kyogerwa nti Laba, abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi n' ekitundu eky' ekika kya Manase bazimbye ekyoto ku muyegoogoyego ogw' ensi ya Kanani, mu nsi eriraanye Yoludaani, ku luuyi olw' abaana ba

Isiraeri.

- 12 Abaana ba Isiraeri bwe baakiwulira, ekibiina kyonna eky' abaana ba Isiraeri ne bakuaanira mu Siiro, okulinyanya okulwana nabo:
- 13 Abaana ba Isiraeri ne batuma Finekaasi omwana wa Eriyazaali kabona eri abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi n' ekitundu eky' ekika kya Manase, mu nsi ye Gireyaadi;
- 14 era awamu naye abakulu kkumi, buli kika kya Isiraeri omukulu omu ow' ennyumba ya bakitaabwe; buli omu yali mutwe gw' ennyumba za bakitaabwe mu nkumi za Isiraeri.
- 15 Ne bajja eri abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi n' ekitundu eky' ekika kya Manase, mu nsi ya Gireyaadi, ne babagamba nti
- 16 Ekibiina kya Mukama kyonna bwe kyogera bwe kiti nti Kyonoono ki kino kye mwayonoona eri Katonda wa Isiraeri, okukyama leero obutagoberera Mukama kubanga mwezimbira ekyoto, okujeemera Mukama leero?
- 17 Obubi bwa Peoli tebwatumala, bwe tutanneerongoosa okutuusa leero, newakubadde nga kawumpuli yajja ku kibiina kya Mukama,
- 18 mmwe okuwalirizibwa okukyama leero obutagoberera Mukama? era kubanga mujeemera Mukama leero, enkya n' alyoka asunguwalira ekibiina kyonna eky' Isiraeri.
- 19 Naye era ensi ey' obutaka bwammwe oba nga si nnongoofu, kale musomoke musingire mu nsi ey' obutaka bwa Mukama omuli eweema ya Mukama, mulye mu ffe: naye temujeemeranga Mukama, naffe temutujeemeranga nga muzimba ekyoto wabula ekyoto kya Mukama Katonda waffe.
- 20 Akani omwana wa Zeera teyayonoona kyonoono mu kyaterekebwa, obusungu ne bugwa ku kibiina kyonna eky' Isiraeri? omuntu oli n' atazikirira yekka mu bubu bwe.
- 21 Awo abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi n' ekitundu eky' ekika kya Manase ne baddamu ne bagamba emitwe gy' enkumi za Isiraeri
- 22 nti Mukama, Katonda wa bakatonda, ye amanyi, era naye Isiraeri alimanya; singa mu kujeema oba mu kwonoona eri Mukama, (totulokola ffe leero,)
- 23 mwe twazimbira ekyoto okukyama obutagoberera Mukama; oba singa (twakizimba) okukiweerako ekiweebwayo ekyokebwa oba ekiweebwayo eky' obutta oba okukiweerako ssaddaaka ez' ebiweebwayo olw' emirembe Mukama yenayini akivunaane;
- 24 era singa tetwakola bwe tutyo olw' okwegendereza, nga tulowooza, nga twogera nti Mu biro ebigenda okujja abaana bammwe baliyinza okugamba abaana baffe nti Mmwe mulina ki ne Mukama, Katonda wa Isiraeri?
- 25 kubanga Mukama yafuula Yoludaani ensalo wakati mu ffe nammwe, mmwe abaana ba Lewubeeni n' abaana ba Gaadi; temulina mugabo mu Mukama: bwe batyo abaana bammwe bandiresezza abaana baffe okutya Mukama.
- 26 Kyetwawa twogera nti Kale tweteeketeke okwezimbira ekyoto, si lwa byokye, so si lwa ssaddaaka:
- 27 naye kiribeera mujulirwa wakati mu ffe nammwe, ne mu mirembe gyaffe egiritudirira, tulyoke tuweereze Mukama mu maaso ge n' ebyokye byaffe ne ssaddaaka zaffe n' ebyaffe ebiweebwayo olw' emirembe; abaana bammwe baleme okugamba abaana baffe mu biro ebigenda okujja nti Temulina mugabo mu Mukama.
- 28 Kyetwawa twogera nti Bwe balitugamba bwe batyo ffe oba emirembe gyaffe mu biro ebigenda okujja, ne tulyoka twogera nti Laba ekifaananyi eky' ekyoto kya Mukama, bajjajjaffe kye baakola, si lwa byokye, so si lwa ssaddaaka; naye ye mujulirwa wakati mu ffe nammwe.
- 29 Kikafuuwe ffe okujeemera Mukama, n' okukyama leero obutagoberera Mukama, okuzimba ekyoto olw' ebiweebwayo ebyokebwa, (oba) ebiweebwayo eby' obutta, oba olwa ssaddaaka, wabula ekyoto kya Mukama Katonda waffe ekiri mu maaso

g'eweema ye.

- 30 Awo Finekaasi kabona n'abakulu b'ekibiina, gye mitwe gy'enkumi za Isiraeri abaali awamu naye, bwe baawulira ebigambo abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi n'abaana ba Manase bye boogera, ne basanyuka nnyo.
- 31 Ne Finekaasi omwana wa Eriyazaali kabona n'agamba abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi n'abaana ba Manase nti Leero tumanyi nga Mukama ali wakati mu ffe kubanga temwayonoona kyonoona ekyo eri Mukama: kaakano mubawonyezza abaana ba Isiraeri mu mukono gwa Mukama.
- 32 Finekaasi omwana wa Eriyazaali kabona, n'abakulu, ne bakomawo okuva eri abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi, mu nsi ya Gireyaadi, ne bajja mu nsi ya Kanani, eri abaana ba Isiraeri, ne babaddiza ebigambo.
- 33 Ebigambo ne bisanyusa abaana ba Isiraeri; abaana ba Isiraeri ne batendereza Katonda, ne batayogera nate bigambo bya kulinyya okubalwanyisa, okuzikiriza ensi abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi mwe baali.
- 34 Abaana ba Lewubeeni n'abaana ba Gaadi ne bayita ekyoto Edi: nti Ye mujulirwa wakati mu ffe nga Mukama ye Katonda.

Essuula 23

- 1 Awo ennaku nnyingi bwe zaayita Mukama bwe yawummuza Abaisiraeri mu balabe baabwe bonna abaabeetooloola, era Yoswa ng'akaddiye ng'amaze emyaka mingi;
- 2 Yoswa n'alyoka abayita Abaisiraeri bonna, abakadde baabwe n'emitwe gyabwe, n'abalumizi baabwe n'abaami baabwe, n'abagamba nti Nze nkaddiye, mmaze emyaka mingi;
- 3 nammwe mwalaba byonna Mukama Katonda wammwe bye yabakolera ku mawanga gano gonna ku lwammwe; kubanga Mukama Katonda wammwe oyo ye yabalwanira.
- 4 Laba, mbagabidde amawanga gano agasigalawo, okuba obusika obw'ebika byammwe, okuva ku Yoludaani, awamu n'amawanga gonna ge nnazikiriza, okutuuka ku nnyanja ennene ku luuyi olw'ebugwanjuba.
- 5 Ne Mukama Katonda wammwe ye alibasindika emberi yammwe n'abagoba mu maaso gammwe; nammwe mulirya ensi yaabwe, nga Mukama Katonda wammwe bwe yabagamba.
- 6 Kale mugume nnyo emyoyo okwekuumanga n'okukolanga byonna ebyawandiikibwa mu kitabo eky'amateeka ga Musa, muleme okugakyamirangamu ku mukono ogwa ddyo newakubadde ogwa kkono;
- 7 muleme okuyingiranga mu mawanga gano, agaasigala mu mmwe; newakubadde okwogeranga, ku linnya lya bakatonda baabwe, newakubadde okubalayizanga, newakubadde okubaweerezanga, newakubadde okubafukaamiriranga:
- 8 naye mwegattenga ne Mukama Katonda wammwe, nga bwe mwakolanga okutuusa leero:
- 9 Kubanga Mukama yagoba mu maaso gammwe amawanga amanene ag'amaanyi: naye mmwe, tewali muntu eyayimirira mu maaso gammwe okutuusa leero.
- 10 Munnammwe omu anaagobanga lukumi: kubanga Mukama Katonda wammwe, oyo yabalwanirira, nga bwe yabagamba.
- 11 Kale mwekuumanga mwekka mwagalenga Mukama Katonda wammwe.
- 12 Naye oba nga munaddanga ennyuma n'akatono, ne mwegattanga n'amawanga gano agaasigalawo, ge gaagano agaasigala mu mmwe, ne mufumbiriganwanga nabo, ne muyingiranga gye bali, nabo (ne bayingiranga) gye muli:
- 13 mutegeerere ddala nga Mukama Katonda wammwe taagobenga nate mawanga gano mu maaso gammwe; naye ganaabanga mutego n'ekyambika gye muli n'oluga ku

mbiriizi zammwe n'amaggwa mu maaso gammwe, okutuuka lwe mulizikirira okuva mu nsi eno ennungi Mukama Katonda wammwe gye yabawa.

- 14 Era, laba, leero Ogenda olugendo ebintu byonna gye bigenda: nammwe mumanyi mu mitima gya mmwe gyonna ne mu mmeeme zammwe zonna, nga tewali kigambo kimu ekitatuuse mu birungi byonna Mukama Katonda wammwe bye yaboogerako; byonaa bibatuukidde, tewali na kimu mu ebyo kitatuuse.
- 15 Awo olulituuka, ng'ebirungi byonna bwe byabajjira Mukama Katonda wammwe bye yabagamba, bw'atyo Mukama anaabaleeteranga ebibi byonna, okutuuka lw'alibazikiriza okuva mu nsi eno ennungi Mukama Katonda wammwe gye yabawa.
- 16 Bwe munaasobyanga endagaano ya Mukama Katonda wammwe, gye yabalagira, ne mugenda ne muweereza bakatonda abalala, ne mubafukaamirira; obusungu bwa Mukama ne bulyoka bubuubuuka ku mmwe ne muzikirira mangu okuva mu nsi ennungi gye yabawa.

Essuula 24

- 1 Yoswa n'akuaanyiza ebika byonna ebya Isiraeri mu Sekemu, n'ayita abakadde ba Isiraeri n'emitwe gyabwe n'abalamuzi baabwe, n'abaami baabwe; ne beeraga mu maaso ga Katonda.
- 2 Yoswa n'agamba abantu bonna nti Mukama, Katonda wa Isiraeri, bw'ayogera bw'ati nti Bajjajjammwe baabeera mu biro eby'edda emitala w'Omugga, Teera, kitaawe wa Ibulayimu era kitaawe wa Nakoli: ne bawereza bakatonda abalala.
- 3 Ne ntuala jjajjammwe Ibulayimu ne mmuggya emitala w'Omugga, ne mmuleeta mu nsi yonna eya Kanani, ne nnyongera ezzadde lye, ne mmuwa Isaaka.
- 4 Ne mpa Isaaka Yakobo ne Esawu: ne mpa Esawu olusozi Seyiri, okululya; Yakobo n'abaana be ne baserengeta mu Misiri. Ne ntuma Musa ne Alooni, ne mbonyaabonya Misiri, ng'ebyo bwe byali bye nnakola wakati waayo, oluvannyuma ne mbaggyamu.
- 5 Ne ntuma Musa ne Alooni, ne mbonyaabonya Misiri, ng'ebyo bwe byali bye nnakola wakati waayo: oluvannyuma ne mbaggyamu.
- 6 Ne bajjajjammwe ne mbaggya mu Misiri: ne mutuuka ku nnyanja; n'Abamisiri ne bagoberera bajjajjammwe n'amagaali n'abeebagadde embalaasi ku Nnyanja Emmyufu.
- 7 Bwe baamukoowoola Mukama, n'assaawo ekizikiza wakati wammwe n'Abamisiri, n'abaleetako ennyanja, n'abasaanikira; n'amaaso gammwe gaalaba bye nnakola mu Misiri: nammwe ne mumala enaku nnyingi mu ddungu.
- 8 Ne mbaleeta mu nsi ey'Abamoli, abaali emitala wa Yoludaani; ne balwana nammwe: ne mbawa mu mukono gwammwe, n'ensi yaabwe ne mugirya; ne mbazikiriza mu maaso gammwe:
- 9 Awo Balaki omwana wa Zipoli, kabaka wa Moabu, n'agolokoka n'alwana ne Isiraeri; n'atuma n'ayita Balamu omwana wa Byoli okubakolimira:
- 10 naye ne aana okuwulira Balamu; kyeyava abasabira omukisa nate: bwe ntyo ne mbawonya mu mukono gwe.
- 11 Ne musomoka Yoludaani, ne mutuuka ku Yeriko: n'ab'e Yeriko ne balwana nammwe, Omwamoli, n'Omuperizi, n'Omukanani, n'Omukiiti, n'Omugirugaasi, n'Omukiivi, n'Omuyebusi; ne mbawa mu mukono gwammwe.
- 12 Ne ntuma ennumba mu maaso gammwe, n'ebagoba mu maaso gammwe bakabaka bombi ab'Abamoli; si na kitala kyo newakubadde omutege gwo.
- 13 Ne mbawa ensi gy'otaakolera mirimu, n'ebibuga bye mutaazimba, ne mubibeeramu; ensuku ez'emizabbibu n'ez'emizeyituuni ze mutaasimba ze mulyako.
- 14 Kale kaakano mutyenga Mukama, mumuweerezanga mu mazima awatali bukuusa: era

muggyeewo bakatonda bajjajjammwe be baaweerezanga emitala w'Omugga, ne mu Misiri; muweerezanga Mukama.

- 15 Era oba nga mulowooza nga kibi okuweerezanga Mukama, mulonde leero gwe munaaweerezanga; oba bakatonda bajjajjammwe abaali emitala w'Omugga be baaweerezanga, oba bakatonda ab'Abamoli, bannannyini nsi mwe muli: naye nze n'ennyumba yange, ffe tunaaweerezanga Mukama.
- 16 Abantu ne baddamu ne bagamba nti Kikafuuwe ffe okuleka Mukama okuweerezanga bakatonda abalala;
- 17 kubanga Mukama Katonda waffe, oyo ye yatulinnyisa ffe ne bajjajjaffe okutuggya mu nsi ey'e Misiri, mu nnyumba ey'obuddu, era ye yakola obubonero buli obunene mu maaso gaffe, n'atukuuma mu kkubo lyonna lye twayitamu, ne mu mawanga gonna ge twayitangamu wakati:
- 18 Mukama n'agobamu amawanga gonna mu maaso gaffe, Abamoli abaali mu nsi: era naffe kyetunaava tuweereza Mukama; kubanga ye Katonda waffe.
- 19 Yoswa n'agamba abantu nti Temuyinza kuweerezanga Mukama; kubanga ye Katonda omutuukuvu; ye Katonda ow'obuggya; taasonyiwenga kwonoona kwammwe newakubadde ebibi byammwe.
- 20 Oba nga munaalekanga Mukama, ne muweerezanga bakatonda abaggya, n'alyoka akyuka n'abakola obubi, n'abazikiriza, ng'amaze okubakola obulungi.
- 21 Abantu ne bagamba Yoswa nti Nedda, naye tunaaweerezanga Mukama.
- 22 Yoswa n'agamba abantu nti Muli bajulirwa bammwe mwekka nga mulonze Mukama okumuweerezanga. Ne boogera nti Tuli bajulirwa.
- 23 Kale kaakano muggyeewo bakatonda abaggya abali mu mmwe, mukyuse omutima gwammwe eri Mukama Katonda wa Isiraeri.
- 24 Abantu ne bagamba Yoswa nti Mukama Katonda waffe tunaamuweerezanga, n'eddo-boozi lye tunaaliwuliranga.
- 25 Bw'atyo Yoswa n'alagaana endagaano n'abantu ku lunaku olwo, n'abateekera etteeka n'ekiragi mu Sekemu.
- 26 Yoswa n'awandiika ebigambo ebyo mu kitabo eky'amateeka ga Katonda; n'atwala ejjinja eddene, n'alisimba awo wansi w'omwera ogwali ku kifo ekitukuvu eky Mukama.
- 27 Yoswa n'agamba abantu bonna nti Laba, ejjinja lino linaabanga mujulirwa gye tuli; kubanga liwulidde ebigambo byonna ebya Mukama by'atugambye: kyelinaavanga libeera mujulirwa gye tuli, muleme okwegaana Katonda wammwe.
- 28 Awo Yoswa n'asiibula abantu, buli muntu agende mu butaka bwe.
- 29 Awo oluvannyuma lw'ebyo Yoswa omwana wa Nuni, omuweereza wa Mukama, n'alyoka afa, ng'amaze emyaka kikumi mu kkumi.
- 30 Ne bamuziika mu nsalo ey'obutaka bwe mu Timunasusera, ekiri mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olw'olusozi Gaasi.
- 31 Abaisiraeri ne baweereza Mukama ennaku zonna eza Yoswa, n'ennaku zonna ez'abakadde abaasigalawo Yoswa ng'amaze okufa, era abaamanya emirimu gyonna egya Mukama, gye yakolera Isiraeri.
- 32 N'amagumba ga Yusufu, abaana ba Isiraeri ge baggya mu Misiri ne bajja nago, ne bagaziika mu Sekemu, mu kitundu eky'ensi Yakobo kye yagula eri batabani ba Kamoli kitaawe wa Sekemu ebitundu ebya ffeeza kikumi: ne gaba obusika obw'abaana ba Yusufu.
- 33 Eriyazaali omwana wa Alooni n'afa; ne bamuziika ku lusozi lwa Finekaasi omwana we, lwe yaweebwa mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu.

Ekyabalamuzi

Essuula 1

- 1 Awo Yoswa bwe yamala okufa, abaana ba Isiraeri ne babuuzza Mukama nti Ani alisooka okulinyya eri Abakanani, okubalwanyisa?
- 2 Mukama n'ayogera nti Yuda ye alirinnya: laba, ngabudde ensi mu mukono gwe.
- 3 Yuda n'agamba Simyoni muganda we nti Ogende nange mu mugabo gwange, tulwanyise Abakanani; era nange bwe ntyo ndigenda naawe mu mugabo gwo. Awo Simyoni n'agenda naye.
- 4 Yuda n'alinyya; Mukama n'agabula Abakanani n'Abaperizi mu mukono gwabwe: ne babattiramu mu Bezeki'abasajja kakumi.
- 5 Ne basanga Adonibezeki mu Bezeki: ne bamulwanyisa, ne batta Abakanani n'Abaperizi.
- 6 Naye Adonibezeki n'adduka; ne bamugoberera, ne bamukwata; ne bamusalako engalo ze ensajja n'ebigere bye ebisajja.
- 7 Edonibezeki n'ayogera nti Bakabaka ensanvu, abaasalibwako engalo zaabwe ensajja n'ebigere byabwe ebisajja, baakuaanyizanga (emmere yaabwe) wansi w'emmeeza yange: nga nze bwe nnaakola, ne Katonda bw'ampalanye bw'atyo. Ne bamuleeta e Yerusaalemi, n'afira eyo.
- 8 Abaana ba Yuda ne balwanyisa Yerusaalemi, ne bakimenya, ne bakitta n'ekitala, ne bookya ekibuga omuliro.
- 9 Awo bwe baamala, abaana ba Yuda ne baserengeta okulwanyisa Abakanani abaatuula mu nsi ey'ensozi, ne mu bukiika obwa ddyo, ne mu nsi ey'olusenyi.
- 10 Ne Yuda ne balumba Abakanani abaatuula mu Kebbulooni: (naye erinnya lya Kebbulooni nga ye Kiriasualuba edda:) ne batta Sesayi, ne Akimaani; ne Talumaayi.
- 11 N'avaayo, n'alumba abaatuula mu Debiri. (N'erinnya lya Debiri nga ye Kiriasuseferi edda.)
- 12 Kalebu n'ayogera nti Oyo alitta Kiriasuseferi n'akimenya, ndimuwa Akusa muwala wange okumuwasa.
- 13 Osunieri, omwana wa Kenazi, muganda wa Kalebu omuto, n'akimenya: n'amuwa Akusa muwala we okumuwasa.
- 14 Awo bwe yajja (gy'ali), n'asabisa kitaawe ennimiro: n'ava ku ndogoyi ye; Kalebu n'amugamba nti Oyagala ki?
- 15 N'amugamba nti Mpa omukisa; kubanga wanteeka mu nsi ey'obukiika obwa ddyo, era, mpa n'enzizi ez'amazzi: Kalebu n'amuwa enzizi ez'engulu n'ez'emanga.
- 16 N'abaana ab'Omukeeni, mukoddomi wa Musa, ne balinnya nga bava mu kibuga eky'enkindu awamu n'abaana ba Yuda ne bagenda mu lukoola lwa Yuda, oluli ku bukiika obwa ddyo obwa Aladi; ne bagenda ne batuula n'abantu.
- 17 Ne Yuda n'agenda ne Simyoni muganda we, ne bakuba Abakanani abaatuula mu Zefasi, ne bakizikiririza ddala. N'erinnya ly'ebibuga lyayitibwa Koluma.
- 18 Era Yuda n'amanya Ggaza n'ensalo yaakyo, ne Asukuloni n'ensalo yaakyo, ne Eku-loni n'ensalo yaakyo.
- 19 Era Mukama yali wamu ne Yuda; n'agoba (abaatuula) mu nsi ey'ensozi; kubanga teyayinza kugoba abaatuula mu kiwonvu, kubanga baali balina amagaali ag'ekyuma.
- 20 Ne bawa Kalebu Kebbulooni, nga Musa bwe yayogera: n'agobera omwo abaana abasatu aba Anaki.
- 21 N'abaana ba Benyamini ne batagoba Bayebusi abaatuula mu Yerusaalemi: naye Abayebusi ne batuula n'abaana ba Benyamini mu Yerusaalemi, ne leero.
- 22 N'ennyumba ya Yusufu, era nabo ne balinnya ne balumba Beseri. Mukama n'aba

wamu nabo.

- 23 N'ennyumba ya Yusufu ne batuma okuketta Beseri. (Erinnya ly'ekibuga edda lyali Luzi.)
- 24 N'abakessi ne balaba omusajja ng'ava mu kibuga, ne bamugamba nti Tulage, tukwe-gayiridde, we tunaayingirira mu kibuga, naffe tunaakukola bulungi.
- 25 N'abalaga we banaayingirira mu kibuga, ne batta ekibuga n'ekitala; naye ne bata omusajja oyo n'ennyumba ye yonna.
- 26 Omusajja oyo n'agenda mu nsi ey'Abakiiti, n'azimba ekibuga, n'akituuma erinnya lyakyo Luzi: lye linnya lyakyo ne leero.
- 27 Manase n'atagoba (abaatuula) mu Besuseani n'ebyalo byakyo, ne mu Taanaki n'ebyalo byakyo, newakubadde abaatuula mu Doli n'ebyalo byakyo, newakubadde abaatuula mu Ibuleamu n'ebyalo byakyo, newakubadde abaatuula mu Megiddo n'ebyalo byakyo: naye Abakanani ne baagala okutuula mu nsi eyo:
- 28 Awo olwatuuka, Isiraeri bwe yafuna amaanyi, ne bakoza Abakanani emirimu, ne batabagobera ddala.
- 29 Efulayimu n'atagoba Bakanani abaatuula mu Gezeri; naye Abakanani ne batuula mu Gezeri wakati mu bo:
- 30 Zebbulooni n'atagoba abaatuula mu Kituloni, newakubadde abaatuula mu Nakaloli; naye Abakanani ne batuula mu bo; ne bafuuka ab'okuwanga omusolo.
- 31 Aseri n'atagoba abaatuula mu Akko, newakubadde abaatuula mu Sidoni; newakubadde mu Alabu, newakubadde mu Akuzibu; newakubadde mu Keruba, newakubadde mu Affiki newakubadde mu Lekobu:
- 32 naye Abaseri ne batuula mu Bakanani, be baatuula mu nsi: kubanga tebaabagoba.
- 33 Nafutaali n'atagoba abaatuula mu Besusemesi, newakubadde abaatuula mu Besuanasi; naye n'atuula mu Bakanani, be baatuula mu nsi: era naye abaatuula mu Besusemesi ne mu Besuanasi ne bafuuka ab'okuwanga omusolo.
- 34 Abamoli ne bagobera abaana ba Ddaani mu nsi ey'ensozi: kubanga tebaabaganya kuserengeta mu kiwonvu:
- 35 naye Abamoli baayagala okutuula ku lusozi Keresi, mu Ayalooni, ne mu Saalubimu: naye omukono gw'ennyumba ya Yusufu ne gusinga, n'okufuuka ne bafuuka ab'okuwanga omusolo
- 36 N'ensalo ey'Abamoli yava awayambukirwa Akulabbimu, okuva ku lwazi, n'e ngulu.

Essuula 2

- 1 Ne malayika wa Mukama n'ava e Girugaali n'ayambuka e Bokimu. N'ayogera nti Nabalinniyisa okuva mu nsi y'e Misiri, ne mbaleeta mu nsi gye nnalayirira bajjaj-jammwe; ne njogera nti Sirireka ndagaano yange (gye nnalagaana) nammwe:
- 2 nammwe temulagaananga ndagaano n'abo abatuula mu nsi muno; mumenyemenyenga ebyoto byabwe: naye mmwe temuwulidde ddooboozi lyange: kiki ekibakozesa bwe mutyo?
- 3 Nange kyennava njogera nti Siibagobenga mu maaso gammwe; naye banaabanga ng'amaggwa mu mbiriizi zammwe, ne bakatonda baabwe banaabanga kyambika gye muli.
- 4 Awo olwatuuka malayika wa Mukama bwe yabuulira ebigambo ebyo abaana ba Isiraeri, abantu ne bayimusa eddoozi lyabwe, ne bakaaba amaziga.
- 5 Ekifo ekyo ne bakituuma erinnya Bokimu: ne baweera eyo ssaddaaka eri Mukama.
- 6 Awo Yoswa bwe yamala okusiibula abantu, abaana ba Isiraeri ne bagenda buli muntu mu busika bwe okulya ensi.
- 7 Abantu ne baweerezanga Mukama ennaku zonna eza Yoswa, n'ennaku zonna

ez' abakadde, abaaawangaala okusinga Yoswa, abaalaba omulimu gwonna ogwa Mukama omunene gwe yakolera Isiraeri.

- 8 Yoswa omwana wa Nuni, omuddu wa Mukama n'afa, nga yaakamaze emyaka kikumi mu kkumi.
- 9 Ne bamuziika mu nsalo y'obusika bwe mu Timunasukeresi, mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi ku bukiika obwa kkono obw'olusozi Gaasi.
- 10 Era n'ab'emirembe egyo bonna ne bakuaanyizibwa eri bajjajjaabwe: ne wabaawo emirembe emirala egibaddirira, abataamanya Mukama, newakubadde omulimu gwe yakolera Isiraeri.
- 11 Abaana ba Isiraeri ne bakola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi, ne baweereza Babaali:
- 12 Mukama ne bamuvaako, Katonda wa bajjajjaabwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri, ne bagoberera bakatonda abalala, ku bakatonda ab'amawanga agabeetooloola, ne babavu-unamira, ne basunguwaza Mukama.
- 13 Mukama ne bamuvaako, ne baweereza Baali ne Asutaloosi.
- 14 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku Isiraeri, n'abagabula mu mikono gy'abanyazi abaabanyaga, n'abatunda mu mikono gy'abalabe baabwe okwetooloola, n'okuyinza ne batayinza nate kuyimirira mu maaso g'abalabe baabwe.
- 15 Gye baatabaalanga yonna, omukono gwa Mukama ne gubaleeteranga akabi, nga Mukama bwe yayogera; era nga Mukama bwe yabalayirira: ne beeraliikirira nnyo.
- 16 Mukama n'ayimusa abalamuzi abaabalokolanga mu mukono gwabo abaabanyaganga.
- 17 Naye ne bawulira balamuzi baabwe, kubanga baagenda nga bayenda nga bagoberera bakatonda abalala, ne babavuunamira: baakyama mangu okuva mu kkubo bajjajjaabwe lye baatambulirangamu, nga bawulira ebiragiro bya Mukama; bo tebaakola bwe batyo.
- 18 Era Mukama bwe yabayimusizanga abalamuzi, Mukama n'abanga n'omulamuzi, n'abalokolanga mu mukono gw'abalabe baabwe ennaku zonna ez'omulamuzi: kubanga Mukama ne yejjusa olw'okusinda kwabwe olw'abo abaabajoojanga ne babeeraliikiriza.
- 19 Naye olwatuuka, omulamuzi bwe yamalanga okufa, ne baddanga ennyuma, ne bakola obubi okusinga bajjajjaabwe, nga bagoberera bakatonda abalala okubaweereza n'okubavuunamira; tebaakendeezanga ku bikolwa byabwe so tebaalekanga kkubo lyabwe kkakanyavu.
- 20 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku Isiraeri: n'ayogera nti Kubanga: eggwanga lino lisobezza ku ndagaano gye nmalagira bajjajjaabwe, so tebawulidde ddooboozi lyange;
- 21 nange okusooka leero kyennaavanga nnema okugoba mu maaso gaabwe ku mawanga Yoswa ge yafissaawo bwe yafa:
- 22 ndyoke nkeme Isiraeri olw'abo oba nga banaakwatanga ekkubo lya Mukama okulitambulirangamu, nga bajjajjaabwe bwe baalikwata, nantiki si weewaawo.
- 23 Awo Mukama n'aleka amawanga gali, obutabagoba mangu; so teyabagabula mu mukono gwa Yoswa.

Essuula 3

- 1 Gano ge mawanga Mukama ge yaleka okukema Isiraeri olw'abo, bonna ku bo abataamanya ntalo zonna eza Kanani;
- 2 kyokka emirembe gy'abaana ba Isiraeri bamanye, okubayigiriza okulwana, bo abaali tebamanyiiko n'akatono olubereberye;
- 3 abakungu abataano ab'Abafirisuuti, n'Abakanani bonna, n'Abasidoni, n'Abakiivi

abaatuulanga ku lusozi Lebanooni, okuva ku lusozi Baalukerumoni okutuusa awayingirirwa mu Kamasi.

- 4 Era baali ba kukema Isiraeri, okumanya oba nga bagenda okuwulira ebiragiyo bya Mukama bye yalagira bajajjaabwe ku bwa Musa.
- 5 Abaana ba Isiraeri ne batuula mu Bakanani; Omukiiti, n'Omwamoli, n'Omuperizi, n'Omukiivi, n'Omuyebusi:
- 6 ne bawasa abawala baabwe okuba abakazi baabwe, ne bawa abawala baabwe bo eri batabani baabwe, ne baweereza bakatonda baabwe.
- 7 Abaana ba Isiraeri ne bakola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi, ne beerabira Mukama Katonda waabwe; ne baweerezanga Babaali ne Baasera.
- 8 Obusungu bwa Mukama kyebwava bubuubuuka ku Isiraeri, n'abatunda mu mukono gwa Kusanurisasaimu kabaka w'e Mesopotamiya: abaana ba Isiraeri ne baweereza Kusanurisasaimu emyaka munaana,
- 9 Awo abaana ba Isiraeri bwe bakaabira Mukama, Mukama n'abayimusiza omulokozi abaana ba Isiraeri, eyabalokola, ye Osunieri mutabani wa Kenazi, ye mwanawaabo owa Kalebu.
- 10 Omwoyo gwa Mukama ne gumujjira, n'alamula Isiraeri; n'agenda okutabaala, Mukama n'agabula Kusanurisasaimu kabaka w'e Mesopotamiya mu mukono gwe: omukono gwe ne guwangula Kusanurisasaimu.
- 11 Ensi n'ewummulira emyaka ana. Osunieri mutabani wa Kenazi n'afa:
- 12 Awo abaana ba Isiraeri ne beeyongera nate okukola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi: Mukama n'awa Eguloni kabaka wa Moabu amaanyi okulwana ne Isiraeri, kubanga baali bakoze ekyali mu maaso ga Mukama ekibi.
- 13 Ne yeekuaanyiza abaana ba Amoni ne Amaleki; n'agenda n'akuba Isiraeri, ne balya ekibuga eky'enkindu.
- 14 Abaana ba Isiraeri ne baweereza Eguloni kabaka wa Mowaabu emyaka kkumi na munaana.
- 15 Naye abaana ba Isiraeri bwe baakaabira Mukama, Mukama n'abayimusiza omulokozi, Ekudi mutabani wa Gera, Omubenyamini, eyali owa kkono: abaana ba Isiraeri ne bamukwasa ekirabo akitwalire Eguloni kabaka wa Mowaabu.
- 16 Ekudi ne yeeweeseza ekitala eky'obwogi obubiri, obuwanvu bwakyo omukono gumu; n'akyesiba ku kisambi kye ekya ddyo munda mu ngoye ze.
- 17 N'awa Eguloni kabaka wa Mowaabu ekirabo: Eguloni yali musajja munene nnyo.
- 18 Awo bwe yamala okuwa ekirabo; n'asindika abantu abaali beetisse ekirabo.
- 19 Naye ye kennyini n'addayo ng'akoma ku mayinja agaali okumpi w'e Girugaali, n'ayo-gera nti Ntumiddwa ebigambo eby'ekyama eri ggwe, kabaka. N'ayogera nti Musirike. Bonna abaali bayimiridde naye ne bafuluma ne bamuleka.
- 20 Ekudi n'ajja gy'ali; yali atudde omu yekka mu nju ye eya waggulu ey'okuwolawol-erangamu. Ekudi n'ayogera nti Nnina ebigambo ebiva eri Katonda gy'oli. N'ayimuka ku ntebe ye.
- 21 Ekudi n'agolola omukono gwe ogwa kkono, n'aggya ekitala ku kisambi ekya ddyo, n'amufumita olubuto:
- 22 n'ekiti nakyō ne kibuliramu; amasavu ne gazibikira ekitala we kiyingiridde, kubanga teyasowola kitala mu lubuto lwe, ne kiviiramu nnyuma.
- 23 Awo Ekudi n'afuluma n'agenda mu kisasi, n'amuggalirawo enzigi z'enju eya waggulu, n'azisiba.
- 24 Awo bwe yamala okufuluma, abaddu be ne bajja; ne balaba, era, laba, enzigi z'enju eya waggulu nga zisibiddwa; ne boogera nti Alianga abisse ku bigere bye mu nju ye ey'okuwolawolerangamu.
- 25 Ne balindirira okutuusa ensonyi lwe zaabakwata: era, laba, nga taggulawo nzigi za nju

eya waggulu; awo ne baddira ekisumuluzo, ne baziggulawo: era, laba, mukama waabwe ng'agudde wansi afudde.

- 26 Ekudi n'awona nga bakyalindirira, n'ayita ku mayinja, n'awona n'atuuka e Seyiri.
- 27 Awo olwatuuka, bwe yatuuka, n'afuwa ekkondeere mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi, abaana ba Isiraeri ne baserengetera wamu naye okuva mu nsi ey'ensozi, naye ng'abakulembera.
- 28 N'abagamba nti Mungoberere: kubanga Mukama agabudde abalabe bammwe Abamowaabu mu mukono gwammwe. Ne bamugoberera ne baserengeta, ne beekwata emisomoko gya Yoludaani nga balwana n'Abamowaabu, ne bataganya muntu kusomoka.
- 29 Ne batta ku Mowaabu mu biro ebyo abasajja nga kakumi, buli muntu ow'amaanyi na buli muntu muzira; so tekwawonako muntu.
- 30 Awo Mowaabu n'ajeemulwa ku lunaku olwo n'omukono gwa Isiraeri: Ensi n'ewumulira emyaka kinaana.
- 31 Samugali mutabani wa Anasi n'addirira oyo, n'atta ku Bafirisuuti abasajja lukaaga n'omuwunda ogusoya ente: era naye n'alokola Isiraeri.

Essuula 4

- 1 Abaana ba Isiraeri ne beeyongera nate okukola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi, Ekudi bwe yamala okufa.
- 2 Mukama n'abatunda mu mukono gwa Yabini kabaka wa Kanani, eyafugira mu Kazoli; omugabe w'eggye lye Sisera, eyatuula mu Kalosesi eky'ab'amawanga.
- 3 Abaana ba Isiraeri ne bakaabira Mukama: kubanga yali alina amagaali ag'ekyuma lwenda; n'ajoogera nnyo abaana ba Isiraeri emyaka abiri.
- 4 Era Debola, nnabbi, omukazi wa Lappidosi, ye yalamulanga Isiraeri mu biro ebyo.
- 5 Era yatuulanga wansi w'olukindu lwa Debola wakati w'e Laama n'e Beseri mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi: abaana ba Isiraeri ne bambukanga gy'ali okubasaliranga emisango.
- 6 N'atuma n'ayita Balaki, mutabani wa Abinoamu ave mu Kedesunafutaali, n'amugamba nti Mukama, Katonda wa Isiraeri, talagidde nti Genda mukuaanire eri olusozi Taboli, otwale naawe abasajja kakumi ku baana ba Nafutaali ne ku baana ba Zebbulooni?
- 7 Nange ndiwalulira gy'oli eri omugga Kisoni Sisera omugabe w'eggye lya Yabini, n'amagaali ge n'ekibiina kye; nange ndimugabula mu mukono gwo.
- 8 Balaki n'amugamba nti Ggwe bw'oligenda nange, kale ndigenda: naye bw'otoligenda nange ggwe, sirigenda.
- 9 N'agamba nti Mazima ndigenda naawe: naye olugendo lw'ogenda teruliba lwa kiti-ibwa kyo; kubanga Mukama alitunda Sisera mu mukono gw'omukazi: Debola n'agolokoka n'agenda ne Balaki e Kedesi.
- 10 Balaki n'ayita Zebbulooni ne Nafutaali bakuaanire e Kedesi; ne bayambukayo abasajja kakumi nga balinnya mu bigere bye: Debola n'ayambukira wamu naye.
- 11 Era Keberi Omukeeni yali yawukanye n'Abakeeni, be baana ba Kobabu mukoddomi wa Musa, n'azimba eweema ye awali omwera mu Zaananimu ekiri okumpi ne Kedesi.
- 12 Ne babuulira Sisera nga Balaki mutabani wa Abinoamu alinnye ku lusozi Taboli.
- 13 Sisera n'akuaanya amagaali ge gonna, amagaali ag'ekyuma lwenda, n'abantu bonna abaali naye, okuva ku Kalosesi eky'ab'amawanga okutuusa ku mugga Kisoni.
- 14 Debola n'agamba Balaki nti Golokoka; kubanga leero Mukama lw'agabudde Sisera mu mukono gwo: Mukama takukulembedde okutabaala? Awo Balaki n'ava ku lusozi

Taboli, abasajja kakumi ne bamugoberera.

- 15 Mukama n'afufuggaza Sisera n'amagaali ge gonna n'eggye lye lyonna n'obwogi bw'ekitala mu maaso ga Balaki; Sisera n'ava mu ggaali lye, n'adduka n'ebigere.
- 16 Naye Balaki n'agoberera amagaali n'eggye okutuuka e Kalosesi eky'ab'amawanga: n'eggye lya Sisera lyonna obwogi bw'ekitala ne bulimalawo, tewaasigala muntu.
- 17 Naye Sisera n'adduka n'ebigere n'atuuka mu weema ya Yayeeri mukazi wa Keberi Omukeeni: kubanga Yabini kabaka we Kazoli n'ennyumba ya Keberi Omukeeni baali balina emirembe:
- 18 Yayeeri n'afulumu okusisinkana Sisera, n'amugamba nti Kyama, mukama wange, oyingire ewange, totya. N'akyama n'ayingira ewuwe mu weema n'amubikkako ekikunta.
- 19 N'amugamba nti Nkwegayiridde, mpa otuzzi nnywe, kubanga ennyonta ennuma. N'asumulula eddiba ery'amata, n'amunywesa, n'amubikkako.
- 20 N'amugamba nti yimirira mu mulyango gw'eweema, awo olunaatuuka, omuntu yenna bw'anajja n'akubuuzza n'ayogera nti Omusajja yenna ali muno? naawe onooyogera nti Nedda.
- 21 Awo Yayeeri mukazi wa Keberi n'addirira enkondo y'eweema, n'addirira ennyondo mu mukono gwe, n'amusemberera ng'asooba, n'amukomerera enkondo mu kyenyi, n'eyitamu n'ekwata n'ettaka; kubanga yali yeebase otulo tungi; n'azirika n'afa.
- 22 Era, laba, Balaki ng'agoberera Sisera, Yayeeri n'afulumu okumusisinkana, n'amugamba nti jjangu, nange n'akulaga omusajja gw'onoonya. N'ajja gy'ali; era, laba, Sisera yali agalamidde afudde, n'enkondo ng'eri mu kyenyi kye.
- 23 Bw'atyo Katonda n'ajeemula ku lunaku olwo Yabini kabaka wa Kanani mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 24 Omukono gw'abaana ba Isiraeri ne gweyongerayongera okuwangula Yabini kabaka wa Kanani, okutuusa lwe baamala okuzikiriza Yabini kabaka wa Kanani.

Essuula 5

- 1 Debola ne Balaki mutabani wa Abinoamu ne balyoka bayimba ku lunaku olwo nti
- 2 Kubanga abakulembeze baakulembera mu Isiraeri, Kubanga abantu beegabula bokka nga baagala, Mumwebaze Mukama:
- 3 Muwulire, mmwe bakabaka; mutege amatu, mmwe abalangira; Nze, nze, naayimbira Mukama; Naayimba okutendereza Mukama, Katonda wa Isiraeri.
- 4 Mukama, bwe wafulumu mu Seyiri, Bwe wava mu nnimiro ya Edomu okutabaala: Ensi n'ekankana, era n'eggulu ne litonnya, Weewaawo, ebire ne bitonnya amazzi.
- 5 Ensozi ne zikulukutira mu maaso ga Mukama, Weewaawo, era ne Sinaayi oli mu maaso ga Mukama, Katonda wa Isiraeri.
- 6 Mu mirembe gya Samugali mutabani wa Anasi, Mu mirembe gya Yayeeri, enguudo tezaalimu bantu, Abatambuze ne batambuliranga mu mpenda:
- 7 Abafuga baggwaawo mu Isiraeri, baggwaawo, Okutuusa nze Debola lwe nnabaawo. Lwe nnabaawo nze omukadde mu Isiraeri.
- 8 Baalonda bakatonda abaggya; Entalo ne ziryoka zibeera mu miryango: Waalabika engabo oba kitala; Mu basajja bukumi buna mu Isiraeri?
- 9 Omutima gwange gubalooza abafuga Isiraeri, Abeegabula bokka mu bantu nga baagala: Mumwebaze Mukama.
- 10 Mukyogereko, mmwe abeebagala ku ndogoyi enjeru, Mmwe abatuula ku mikeeka emidalize, Nammwe abatambula mu kkubo.
- 11 Eddoboozi ly'abo abalasa obusaale nga libali wala, mu bifo mwe basenera amazzi, Eyo gye balyatulira ebikolwa bya Mukama eby'obutuukirivu, Ebikolwa bye

eby'obutuukirivu ng'afugira mu Isiraeri. Abantu ba Mukama ne balyoka baserengeta ne bagenda ku miryango.

- 12 Zuukuka, zuukuka, Debola; Zuukuka, zuukuka, yatula oluyimba: Golokoka, Balaki, oyise obusibe bwo nga busibiddwa, ggwe mutabani wa Abinoamu.
- 13 Ne balyoka baserengeta ekitundu ky'abakungu n'eky'abantu ekyafikkawo; Mukama yanserengetera okulwana n'ab'amaanyi.
- 14 Mu Efulayimu ne muva abo abalina ekikolo kyabwe mu Amaleki; Nga bakugoberera ggwe, Benyamini, mu bika byo; Mu Makiri (ne muva) abafuga ne baserengeta, Ne mu Zebbulooni abo abakwata omuggo gw'oyo asimba ennyiriri.
- 15 N'abalangira ba Isakaali baali wamu ne Debola; Nga Isakaali bwe yali, ne Balaki bwe yali bw'atyo; Baafubutuka mu kiwonvu (nga balinnya) mu bigere bye. Awali enzizi za Lewubeeni Waabaawo okuteesa kw'emitima okukulu.
- 16 Kiki ekyakutuza mu bisibo byo eby'endiga, Okuwulira endere ze bafuuyira ebisibo? Awali enzizi za Lewubeeni Waabaawo okuteesa kw'emitima okukulu.
- 17 Gireyaadi yabeera emitala wa Yoludaani: Ne Ddaani ekyamusigaza mu byombo kiki? Aseri n'atuula ng'asirika ku mwalo gw'ennyanja, N'abeera awali ebikono bye.
- 18 Zebbulooni be bantu abaagabula obulamu bwabwe okutuusa okufa, Ne Nafutaali, mu bifo ebigulumivu eby'olutalo.
- 19 Bakabaka baja ne balwana; Awo nga lwe baalwana bakabaka ba Kanani, Mu Taanaki ku mazzi ga Megiddo: Tebaagoba magoba ga bintu.
- 20 Ab'omu ggulu baalwana, Emmunyeenye mu endo zaazo zaalwana ne Sisera.
- 21 Omugga Kisoni gwabatwalira ddala, Omugga ogwo ogw'edda, omugga Kisoni. Ggwe obulamu bwange, tambula n'amaanyi:
- 22 Ebinuulo by'embalaasi ne biryoka bisambirira Olw'okubuuka, olw'okubuuka kw'ensolo zaabwe ez'amaanyi.
- 23 Mukolimire Merozi, bw'ayogera malayika wa Mukama, Mukolimire nnyo abaatuula omwo; Kubanga tebaduukirira Mukama, Tebaduukirira Mukama awali ab'amaanyi.
- 24 Aliba n'omukisa Yayeeri okusinga abakazi, Mukazi wa Keberi Omukeeni: Aliba n'omukisa okusinga abakazi mu weema:
- 25 Yasaba amazzi, n'amuwa amata; N'amuleetera omuzigo mu kibya eky'ekikungu.
- 26 Yakwasa omukono enkondo, Yakwasa omukono gwe ogwa ddyo ennyondo ey'omukozi; N'akubya Sisera ennyondo, yakomerera omutwe, Weewaawo, yamufumita ekyenyi n'amuyisaamu.
- 27 Ku bigere bye n'akutama n'agwa n'agalamira: Ku bigere bye n'akutama n'agwa: We yakutamira we yagwira ddala ng'afudde.
- 28 Mu ddirisa yatunuulira n'ayogerera waggulu, Nnyina Sisera yayogerera waggulu mu ddirisa Nti Ekirwisizza eggaali lye okujja kiki? Ebisinde by'eggaali lye ekibirabiriza kiki?
- 29 Abakyala be ab'amagezi ne bamuddamu, Weewaawo, ne yeddamu yekka nti
- 30 Tebalabye munyago, tebagugerese? Buli musajja omuwala, abawala babiri; Sisera omunyago ogw'amabala amangi, Omunyago ogw'amabala amangi amadalize, Amabala amangi amadalize eruuyi n'eruyi, ku nsingo z'omunyago?
- 31 Bwe batyo bazikirirenga abalabe bo bonna, ai Mukama: Naye abo bonna abamwagala babe ng'enjuba bw'evaayo mu maanyi gaayo. Ensi n'ewummulira emyaka amakumi ana.

Essuula 6

- 1 Abaana ba Isiraeri ne bakola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi: Mukama n'abagabula mu mukono gwa Midiyaani emyaka musanvu.

- 2 Omukono gwa Midiyaani ne guwangula Isiraeri: era olwa Midiyaani abaana ba Isiraeri kyebaava beekolera obuyu obuli ku nsozi n'empuku n'ebigo.
- 3 Awo olwatuuka Isiraeri bwe yamalanga okusiga, Abamidiyaani ne bayambukanga n'Abamaleki n'abaana ab'ebuvanjuba, nabo baabayambukirako;
- 4 ne basiisira ewaabwe, ne bazikiriza ebibala by'ettaka, okutuusa bw'otuuka e Gaaza so tebaaleka kya kulya mu Isiraeri, newakubadde endiga, newakubadde ente, newakubadde endogoyi.
- 5 Kubanga baayambukira wamu n'ente zaabwe n'eweema zaabwe, baayingiranga ng'enzige okuba abangi; bo era n'eamira zaabwe tebyabalikika ne bayingira mu nsi okugizikiriza.
- 6 Isiraeri n'ajeezebwa nnyo olwa Midiyaani; abaana ba Isiraeri ne bakaabira Mukama.
- 7 Awo olwatuuka, abaana ba Isiraeri bwe baakaabira Mukama olwa Midiyaani,
- 8 Mukama n'atuma, nnabbi eri abaana ba Isiraeri: n'abagamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Nabaggya mu Misiri ne mbalinnyisa, era nabaggya mu nnyumba y'obuddu;
- 9 era nabawonya mu mukono gw'Abamisiri, ne mu mukono gw'abo bonna abaabajooga, ne mbagoba mu maaso gammwe, ne mbawa ensi yaabwe;
- 10 ne mbagamba nti Nze ndi Mukama Katonda wammwe; temutyanga bakatonda b'Abamoli, bemutuulira mu nsi yaabwe: naye temuwulidde ddoobozi lyange.
- 11 Malayika wa Mukama n'ajja, n'atuula wansi w'omwera, ogwali mu Ofula, kye kyali ekya Yowaasi Omwabiezeri: ne mutabani we Gidyoni yali awuula eaano mu ssogolero agikise Abamidiyaani.
- 12 Malayika wa Mukama n'amulabikira, n'amugamba nti Mukama ali wamu naawe, ggwe omusajja ow'amaanyi omuzira.
- 13 Gidyoni n'amugamba nti Ai mukama wange, oba nga Mukama ali wamu naffe, kale ekitubeesezzaako ebyo byonna kiki? era ebikolwa bye hyonna eby'ekitalo biri ludda wa bajjajjaffe bye baatubuulirako, nti Mukama teyatuggya mu Misiri? naye kaakano Mukama atusudde, atugabudde mu mukono gwa Midiyaani.
- 14 Mukama n'amutunuulira n'ayogera nti Genda n'amaanyi go gano, olokole Isiraeri mu mukono gwa Midiyaani: si nze nkutumye?
- 15 N'amugamba nti Ai Mukama wange, Isiraeri ndimulokolera ku ki? laba, baganda bange be basinga okuba abaavu mu Manase, nange ndi muto mu nnyumba ya kitange.
- 16 Mukama n'amugamba nti Mazima ndibeera wamu naawe, era olikuba Abamidiyaani ng'omuntu omu.
- 17 N'amugamba nti Oba nga kaakano ndabye ekisa mu maaso go, kale ndaga akabonero nga ggwe wuuyo ayogera nange.
- 18 Tova wano, nkwegayiridde, okutuusa lwe nnajja gy'oli, ne nfulumya ekirabo kyange, ne nkiteeka mu maaso go. N'ayogera nti Naabeera wano okutuusa lw'onookomawo.
- 19 Gidyoni n'ayingira, n'ateekateeka omwana gw'embuzi, n'emigaati egitazimbulukuswa ne efa ey'obutta: ennyama n'agiteeka mu kibbo, n'amazzi gaayo n'agafuka mu kibya, n'abimuleetera wansi w'omwera, n'abimuwa.
- 20 Malayika wa Mukama n'amugamba ati Ddira ennyama n'emigaati egitazimbulukuswa obiteeke ku jinja lino, ofuke amazzi g'ennyama. N'akola bw'atyo.
- 21 Awo malayika wa Mukama n'agolola ekikolo ky'omuggo ogwali mu mukono gwe, n'akoma ku nnyama ne ku migaati egitazimbulukuswa; omuliro ne guva mu jinja ne gulinye, ne gumalawo ennyama n'emigaati egitazimbulukuswa; malayika wa Mukama n'ava mu maaso ge.
- 22 Gidyoni n'alaba nga ye malayika wa Mukama; Gidyoni n'ayogera nti Zinsanze, ai Mukama Katonda, kubanga ndabaganye n'amaaso ne malayika wa Mukama.
- 23 Mukama n'amugamba nti Emirembe gibe gy'oli; totya: togenda kufa.

- 24** Gidyoni n'alyoka azimbira eyo ekyoto eri Mukama, n'akiyita Yakuwasalumu: okutuusa leero kikyali mu Ofula eky'Ababiezeri.
- 25** Awo olwatuuka mu kiro ekyo Mukama n'amugamba nti Ddira ente ya kitaawo, ye nte ey'okubiri ey'akamaze emyaka omusanvu, osuule ekyoto kya Baali kitaawo ky'alina, otemeeteme ne Asera akiri okumpi:
- 26** ozimbe ekyoto eri Mukama Katonda wo waggulu ku kigo kino, ng'empisa bwe yalagirwa, oddire ente eyo ey'okubiri, oweeyo ekiweebwayo ekyokebwa n'omuti gwa Asera gw'onootemaatema.
- 27** Awo Gidyoni n'atwala abasajja kkumi ku baddu be, n'akola nga Mukama bw'amu-lagidde: awo olwatuuka, kubanga yali atidde ab'ennyumba ya kitaawe n'abasajja ab'omu kibuga, n'atayinza kukola bw'atyo emisana, kyeyava akola ekiro.
- 28** Abasajja ab'omu kibuga bwe baagolokoka enkya mu makya, laba, ekyoto kya Baali nga kimenyeseemenyese, ne Asera akibadde okumpi ng'atemeddwatemeddwa, n'ente eyo ey'okubiri ng'eweereddwayo ku kyoto ekizimbiddwa.
- 29** Ne bagambagana nti Ani akoze kino? Awo bwe baabuuza ne bakemereza, ne boogera nti Gidyoni mutabani wa Yowaasi ye akoze kino.
- 30** Awo abasajja ab'omu kibuga ne bagamba Yowaasi nti Fulumya mutabani wo afe: kubanga amenyeemenye ekyoto kya Baali, era kubanga atemyetemye Asera akibadde okumpi.
- 31** Yowaasi n'agamba bonna abamuyimiridde mu maaso ge nti Mwagala okuwolereza Baali? oba mwagala okumulokola? ayagala okumuwolereza, bamutte nga (bukyali) bwa nkya: oba nga ye katonda, yeewolereze, kubanga bamenyeemenye ekyoto kye.
- 32** Ku luaaku olwo kyeyava amuyita Yerubbaali, ng'ayogera nti Baali amuwawaabire kubanga amenyeemenye ekyoto kye.
- 33** Awo Abamidiyaani bonna n'Abamaleki n'abaana ab'ebuvanjuba ne bakuaana wamu; ne basomoka, ne basiisira mu kiwonvu eky'e Yezureeri:
- 34** Naye omwoyo gwa Mukama ne gujja ku Gidyoni; n'afuuwa ekkondeere; Abiezeri n'akuaana wamu gy'ali.
- 35** N'atuma ababaka okubuna Manase yenna; era nabo ne bakuaanira wamu gy'ali: n'atuma ababaka eri Aseri n'eri Zebbulooni n'eri Nafutaali; ne bayambuka okubasisinkana.
- 36** Gidyoni n'agamba Katonda nti Oba nga olirokola Isiraeri n'omukono gwange, nga bwe wayogera,
- 37** laba, naateeka ebyoya by'endiga mu gguuliro; oba ng'omusulo gunaaba ku byoya byokka, ettaka lyonna nga kkalu, ne ndyoka mmanya ng'olirokola Isiraeri n'omukono gwange, nga bwe wayogera.
- 38** Awo bwe kyali bwe kityo: kubanga n'agolokoka enkya mu makya; n'akamula ebyoya, omusulo n'agumalamu mu byoya, amazzi ne gajjula ekibya.
- 39** Gidyoni n'agamba Katonda nti Obusungu bwo buleme okumbuubuukirako, era naayo-gera omulundi guno gwokka: nkwegayiridde, nkeme n'ebyooya omulundi guno gwokka; kaakano ebyoya byokka bibeere bikalu, omusulo gube ku ttaka lyonna.
- 40** Katonda n'akola bw'atyo ekiro ekyo: kubanga ebyoya byokka bye byali ebikalu, omusulo ne guba ku ttaka lyonna.

Essuula 7

- 1** Awo Yerubbaali, ye Gidyoni, n'abantu bonna abaali naye, ne bagolokoka mu makya, ne basiisira ku luzzi Kalodi: n'olusiisira lwa Midiyaani lwali ku luuyi lwabwe olw'obuluika obwa kkono, ku mabbali g'olusozi Mole, mu kiwonvu.
- 2** Mukama n'agamba Gidyoni nti Abantu abali naawe bayinze obungi nze okuwa

Abamidiyaani mu mukono gwabwe. Isiraeri aleme okunneenyumiririzaako ng'ayogera nti Omukono gwange nze gwe gundokodde.

- 3 Kale nno kaakano genda olangire mu matu g'abantu nti Buli atya akankana, addeyo ave ku lusozi Gileyaadi. Ne waddayo ku bantu bukumi bubiri mu enkumi bbiri; ne wasigalawo kakumi.
- 4 Mukama n'agamba Gidyoni nti Abantu bakyayinze obungi; baserengese ku mazzi; nange naabakukemerera eyo: awo olunaatuuka eyo gwe nnaakugamba nti Ono anaagenda naawe, ye anaagenda naawe; era buli gwe nnaakugamba nti Ono taagende naawe, ye ataagende naawe.
- 5 Awo n'aserengesa abantu ku mazzi: Mukama n'agamba Gidyoni nti Buli anaakomba ku mazzi n'olulimi, ng'embwa bw'ekomba, oyo gw'onooyawulamu; era bw'atyo buli anaafukamira ku maviivi ge okunywa.
- 6 N'omuwendo gw'abo abaakomba n'olulimi, nga batadde engalo ku mumwa, baali abasajja ebikumi bisatu: naye abantu abalala bonna ne bafukamira ku maviivi gaabwe okunywa amazzi.
- 7 Mukama n'agamba Gidyoni nti Nnaabalokola n'abasajja ebikumi bisatu abaakombye n'olulimi, ne ngabula Abamidiyaani mu mukono gwo: era abantu bonna beddireyo buli muntu mu kifo kye.
- 8 Awo abantu ne batwala ebyokulya mu ngalo zaabwe, n'amakondeere: n'asindika abasajja bonna aba Isiraeri buli muntu mu weema ye; naye n'abeera n'abasajja abo ebikumi bisatu: n'olusiisira lwa Midiyaani lwali wansi we mu kiwonvu:
- 9 Awo olwatuuka ekiro ekyo Mukama n'amugamba nti Golokoka, oserengete mu lusiisira; kubanga ndugabudde mu mukono gwo.
- 10 Naye oba ng'otya okuserengeta; genda ne Pula omuddu wo oserengete mu lusiisira.
- 11 era onoowulira bye boogera; emikono gyo ne giryoka giba n'amaanyi okuserengeta mu lusiisira: Awo n'aserengeta ne Pula omuddu we ne bayingira mu basajja abaalina ebyokulwanyisa abaali mu lusiisira ku nkomerero yaalwo.
- 12 N'Abamidiyaani n'Abamaleki n'abaana bonna ab'ebuvanjuba baali bateekeddwa teekeddwa mu kiwonvu ng'enzige okuba abangi; n'eamira zaabwe tezaabalikika, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanya okuba ennyingi.
- 13 Awo Gidyoni bwe yatuuka, laba, nga waliwo omusajja abuulira munne ekirooto n'ayogera nti Laba, naloota ekirooto, era, laba, omugaati ogwa sayiri ne gugwa mu lusiisira lwa Midiyaani, ne guyingira mu weema, ne gugikuba n'egwa, ne gugivuunika, eweema n'egalamira bugalamizi.
- 14 Munne n'addamu n'ayogera nti Ekyo kitala kya Gidyoni mutabani wa Yowaasi omusajja wa Isiraeri so si kirala mu mukono gw'oyo Katonda mw'agabudde Midiyaani n'eggye lyonna.
- 15 Awo olwatuuka Gidyoni bwe yamuwulira ng'abuulira ekirooto n'okutegeeza kwakyo, n'asinza; n'addayo mu lusiisira lwa Isiraeri n'ayogera nti Mugolokoke, kubanga Mukama agabudde mu mukono gwammwe eggye lya Midiyaani.
- 16 N'ayawulamu abasajja bali ebikumi bisatu n'abafuula ebisinde bisatu, n'abakwa bonna amakondeere mu ngalo zaabwe, n'ensuwa enkalu, ebitawuliro nga biri mu nsuwa.
- 17 N'abagamba nti Mulabire ku nze; nammwe mukole bwe mutyo: era, laba, bwe nnaatuuka ku nkomerero y'olusiisira, awo nze nga bwe nnaakola, nammwe munaakola bwe mutyo.
- 18 Nze bwe nnaafuuwa ekkondeere, nze ne bonna abali nange, nammwe ne mulyoka mufuuwa amakondeere ku njuuyi zonna ez'olusiisira lwonna, ne mwogera nti Ba Mukama era ba Gidyoni.
- 19 Awo Gidyoni n'abasajja kikumi abaali naye ne batuuka ku nkomerero y'olusiisira

ekisisimuka ekya wakati nga kyekijje kitanule nga kyebajje bassewo abakuumi ne bafuuwa amakondeere, ne baasa ensuwa, ezaali mu ngalo zaabwe.

- 20 Ebibiina ebisatu ne bafuuwa amakondeere, ne baasa ensuwa nga bakutte ebitawuliro n'emikono gyabwe egya kkono, n'amakondeere n'emikono gyabwe egya ddyo bafuuwe: ne boogerera waggulu nti Ekitala kya Mukama era kya Gidyoni.
- 21 Ne bayimirira buli muntu mu kifo kye nga beetooloola olusiisira: eggye lyonna ne lidduka; ne boogerera waggulu, ne babaddusa.
- 22 Ne bafuuwa amakondeere ebikumi bisatu, Mukama n'alwanyisa buli muntu ekitala kye okufumita munne era n'eggye lyonna: eggye ne lidduka okutuuka ku Besusitta mu kkubo 1y'e Zerera, okutuuka ku nsalo ya Aberumekola ku mabbali g'e Tabasi.
- 23 Abasajja ba Isiraeri ne bakuaanyizibwa okuva mu Nafutaali ne mu Aseri ne mu Manase yonna, ne bagoberera Midiyaani,
- 24 Gidyoni n'atuma ababaka okubuna ensi yonna eya Efulayimu ey'ensozi nga boogera nti Mujje muserengete ku Midiyaani, mubasooke okwekwata amazzi okutuuka ku Besubala, ye Yoludaani: Awo abasajja bonna aba Efulayimu ne bakuaanyizibwa, ne beekwata amazzi okutuuka ku Besubala, ye Yoludaani.
- 25 Ne bakwata abalangira ba Midiyaani bombi, Olebu ne Zeebu; ne battira Olebu ku jjinja lya Olebu, ne Zeebu ne bamuttira ku ssogolero lya Zeebu, ne bagoberera Midiyaani: ne baleetera Gidyoni emitwe gya Olebu ne Zeebu emitala wa Yoludaani.

Essuula 8

- 1 Abasajja ba Efulayimu ne bamugamba nti Kiki ekikukozezza ffe bw'otyo, obutatuyita bwe wagenda okulwana ne Midiyaani? Ne bayomba nnyo naye.
- 2 N'abagamba nti Nze kye nkoze kaakano kiki okukyenkanyankanya nammwe? Ezabibibu Efulayimu z'akungudde ng'addamu tezisinga ezo obungi Abiyezeeri z'akungudde?
- 3 Katonda agabudde mu mukono gwammwe abalangira ba Midiyaani, Olebu ne Zeebu: era nze nandiyinzizza kukola ki okukyenkanyankaaya nammwe? Awo obusungu bwabwe ne bulyoka bukkakkana gy'ali, bwe yamala okwogera bw'atyo.
- 4 Gidyoni n'atuuka ku Yoludaani, n'asomoka, ye n'abasajja ebikumi bisatu abaali naye, nga bakooye, naye nga bakyagoberera.
- 5 N'agamba abasajja ab'omu Sukkosi nti Mbeegayiridde, bawe emigaati abantu abanogoberera; kubanga bakooye, era ngoberera Zeba ne Zalumunna, bakabaka ba Midiyaani.
- 6 Abalangira b'e Sukkosi ne boogera nti Ebibatu bya Zeba ne Zalumunna biri mu mukono gwo kaakano, ffe okuwa eggye lyo emigaati?
- 7 Gidyoni n'ayogera nti Kale Mukama bw'alimala okugabula Zeba ne Zalumunna mu mukono gwange, ne ndyoka nsika omubiri gwammwe n'amaggwa ag'omu nsiko n'emyeramannyo.
- 8 N'avaayo n'ayambuka e Penueri, n'abagamba bw'atyo: abasajja ab'omu Penueri ne bamuddamu ng'abasajja ab'omu Sukkosi bwe baddamu.
- 9 N'agamba abasajja ab'omu Penueri nabo nti Bwe ndikomawo emirembe, ndimenyamenya ekigo kino.
- 10 Era Zeba ne Zalumunna baali mu Kalukoli, n'eggye lyabwe awamu nabo, abasajja nga kakumi mu enkumi ttaano, bonna abaafikkawo ku ggye lyonna ery'abaana b'ebuvan-juba: kubanga abasajja abaasowolanga ebitala baali bafudde kasiriivu mu obukumi bubiri.
- 11 Gidyoni n'ayambukira mu kkubo lyabo abatuula mu weema ku luuyi olw'ebuvan-juba olw'e Noba n'e Yogubeka, n'akuba eggye: kubanga eggye lyali terimanyiridde.

- 12 Zeba ne Zalumunna ne badduka; n'abagoberera; n'akwata bakabaka ba Midiyaani bombi, Zeba ne Zalumunna, n'atiisa eggye lyonna.
- 13 Gidyoni mutabani wa Yowaasi n'akomawo mu ntalo awayambukirwa mu Keresi.
- 14 N'akwata omuvubuka ku basajja ab'omu Sukkosi, n'amubuuliriza: n'amutegeeza abalangira b'e Sukkosi bwe baafaanana n'abakadde baayo, abasajja nsanvu mu musanvu.
- 15 N'ajja eri abasajja ab'omu Sukkosi, n'ayogera nti Mulabe Zeba ne Zalumunna, kwe mwayima okunduulira nga mwogera nti Ebibatu bya Zeba ne Zalumunna biri mu mukono gwo kaakano, ffe okubawa emigaati abasajja bo abakooye?
- 16 N'atwala abakadde ab'ekibuga, n'addirira amaggwa ag'omu nsiko n'emyeramannyo, n'ayigiriza nabyo abasajja ab'omu Sukkosi.
- 17 N'amenyamenya ekigo eky'e Penueri, n'atta abasajja ab'omu kibuga.
- 18 Awo n'alyoka agamba Zeba ne Zalumunna nti Abasajja be mwattira e Taboli baali bafaanana batya? Ne baddamu nti Ggwe nga bw'oli nabo bwe baali; buli omu yafaanana abaana ba kabaka.
- 19 N'ayogera nti Baali baganda bange, abaana ba mmange: nga Mukama bw'ali omulamumu, singa mwabawonya okufa, sandibasse mmwe.
- 20 N'agamba Yeseri omubereberye we nti Golokoka obatte. Naye omuvubuka oyo n'atasowola kitala kye: kubanga yatya, kubanga yali akyali muvubuka.
- 21 Zeba ne Zalumunna ne balyoka boogera nti Golokoka ggwe otugweko: kubanga omusajja nga bw'ali, n'amaanyi ge bwe gali bwe gatyo Gidyoni n'agolokoka n'atta Zeba ne Zalumunna, n'atwala emyezi egyali ku nsingo z'eamira zaabwe.
- 22 Abasajja ba Isiraeri ne balyoka bagamba Gidyoni nti Tufuge ggwe ne mutabani wo era n'omwana wa mutabani wo: kubanga otulokodde mu mukono gwa Midiyaani.
- 23 Gidyoni n'abagamba nti Nze sigenda kubafuga, so ne mutabani wange tagenda kubafuga: Mukama y'anaabafuganga.
- 24 Gidyoni n'abagamba nti Mbadde njagala okubasaba, mumpe buli muntu empeta ez'omu matu ze yanyaga. (Kubanga baali balina empeta ez'omu matu eza zaabu, kubanga Baisimaeri.)
- 25 Ne baddamu nti Tunaaziwa, si lwa mpaka. Ne baaliirawo ekyambalo, ne basuulako buli muntu empeta ez'omu matu ze yanyaga.
- 26 N'obuzito bw'empeta ez'omu matu eza zaabu ze yasaba bwali sekeri za zaabu lukumi mu lusanyu; obutassaako myezi, na byakulengejja, na byambalo bya fulungu bakabaka ba Midiyaani bye baali bambadde, era obutassaako mikuufu egyali mu nsingo z'eamira zaabwe.
- 27 Gidyoni n'abikoza ekkanzu, n'agiteeka mu kibuga kye, mu Ofula: ne Isiraeri yenna ne bagenda ne bagigoberera eyo okwenda nayo: n'efuuka kyambika eri Gidyoni n'eri ennyumba ye.
- 28 Awo Midiyaani n'ajeemulwa abaana ba Isiraeri, so tebaayimusa nate mitwe gyabwe. Ensi n'ewummulira emyaka ana mu mirembe gya Gidyoni.
- 29 Yerubbaali mutabani wa Yowaasi n'agenda n'abeera mu nnyumba ye ye.
- 30 Era Gidyoni yalina batabani be be yazaala abaava mu ntumbwe ze nsanvu: kubanga yawasa abakazi bangi.
- 31 N'omuzaana we eyali Sekemu naye yamuzaalira omwana wa bulenzi, n'amutuuma erinnya Abimereki.
- 32 Gidyoni mutabani wa Yowaasi n'afa ng'amaze okukaddiwa obulungi, ne bamuziika, mu ntaana ya Yowaasi kitaawe, mu Ofula eky'Ababiezeri.
- 33 Awo olwatuuka Gidyoni bwe yamala okufa amangu ago abaana ba Isiraeri ne bakyuka nate, ne bagenda bayenda okugoberera Babaali, ne bafuula Baaluberisi katonda waabwe.

- 34** Abaana ba Isiraeri ne batajjukira Mukama Katonda waabwe, eyabawonya mu mukono gw'abalabe baabwe bonna ku njuyi zonna:
- 35** so tebaakola bya kisa nnyumba ya Yerubbaali, ye Gidyoni, ng'obulungi bwonna bwe bwali bwe yakola eri Isiraeri.

Essuula 9

- 1** Abimereki mutabani wa Yerubbaali n'agenda e Sekemu eri baganda ba nnyina n'ayogera nabo n'ab'oluganda bonna ab'ennyumba ya kitaawe wa nnyina nti
- 2** Mbeegayiridde, mwogerere mu matu g'abasajja bonna ab'e Sekemu nti Ekisinga obulungi gye muli kiruwa batabani ba Yerubbaali bonna, be bantu ensanvu, okubafuganga, nantiki omu okubafuganga? era mujjukire nga nze ndi wa ku magumba gammwe n'omubiri gwammwe.
- 3** Awo baganda ba nnyina ne bamwogerera ebigambo ebyo byonna mu matu g'abasajja ab'e Sekemu: emitima gyabwe ne gyagala okugoberera Abimereki; kubanga baagamba nti Ye muganda waffe.
- 4** Ne bamuwa (ebitundu) ebya ffeeza nsanvu bye baggya mu nnyumba ya Baaluberisi. Abimereki n'abiweera abasajja abataliiko kye bagasa abatali banywevu, ne bamugobereranga.
- 5** N'agenda mu nnyumba ya kitaawe mu Ofula, n'attira baganda be batabani ba Yerubbaali, be bantu ensanvu, ku jjinja limu: naye Yosamu mutabani wa Yerubbaali omuto n'afikkawo; kubanga yeekweka.
- 6** N'abasajja bonna ab'omu Sekemu ne bakuaana n'ennyumba yonna eya Mmiro, ne bagenda ne bafuula Abimereki kabaka, awali omwera oguliraanye empagi eyali mu Sekemu.
- 7** Awo bwe baakibuulira Yosamu, n'agenda n'ayimirira ku ntikko y'olusozi Gerizimu, n'ayimusa eddoozi lye, n'ayogerera waggulu, n'abagamba nti Mumpulire, mmwe abasajja ab'omu Sekemu, Katonda alyoke abawulire mmwe.
- 8** Olwatuuka emiti ne gifuluma okufuka amafuta ku kabaka anaagifuganga; ne gigamba omuzeyituuni nti Tufuge ggwe.
- 9** Naye omuzeyituuni ne gugigamba nti Nandirese obugimu bwange mwe bayima okusaamu ekitiibwa Katonda n'abantu ku bwange, ne enda okuyuuguuma ku miti?
- 10** Emiti ne gigamba omutiini nti Jjangu ggwe otufuge,
- 11** Naye omutiini ne gugigamba nti Nandirese obuwoomerevu bwange n'ebibala byange ebirungi, ne enda okuyuuguuma ku miti?
- 12** Emiti ne gigamba omuzabbibu nti Jjangu ggwe otufuge.
- 13** Omuzabbibu ne gugigamba nti Nandirese omwenge gwange, ogusanyusa Katonda n'abantu, ne enda okuyuuguuma ku miti?
- 14** Awo emiti gyonna ne giryoka gigamba omweramannyo nti Jjangu ggwe otufuge.
- 15** Omweramannyo ne gugamba emiti nti Oba nga munfukako amafuta okuba kabaka mazima ddala, kale mujje mwesige ekisiikirize kyange: naye oba nga si bwe kiri, omuliro guve mu mweramannyo gumalewo emivule egy'oku Lebanoni.
- 16** Kale nno, oba nga mwakola eby'amazima n'eby'obutuukirivu, okufuula Abimereki kabaka, era oba nga mwakola bulungi Yerubbaali n'ennyumba ye, ne mumukola ng'emikono gye bwe gyasaanira (okumukola);
- 17** (kubanga kitange yabalwanirira, n'asingawo obulamu bwe, n'abawonya mu mukono gwa Midiyaani:
- 18** nammwe mugolokose leero ku nnyumba ya kitange, era mwattira batabani be, abantu nsanvu, ku jjinja limu, ne mufuula Abimereki, mutabani w'omuzaana we, kabaka w'abasajja ab'omu Sekemu, kubanga ye muganda wammwe;)

- 19 kale oba nga mumukoze leero eby' amazima n' eby' obutuukirivu Yerubbaali n' ennyumba ye, kale musanyukire Abimereki, era naye abasanyukire mmwe:
- 20 naye oba nga si bwe kiri, omuliro guve mu Abimereki, gumalewo abasajja ab' omu Sekemu n' ennyumba ya Mmiro, era omuliro guve mu basajja ab' omu Sekemu ne mu nnyumba ya Mmiro gumalewo Abimereki.
- 21 Yosamu n' agenda mbiro n' adduka, n' atuuka e Beseri, n' abeera eyo, olw' okutya Abimereki muganda we.
- 22 Abimereki n' amala emyaka esatu nga ye mukulu wa Isiraeri.
- 23 Katonda n' atuma omuzimu omubi okwawukanya Abimereki n' abasajja ab' omu Sekemu; abasajja ab' omu Sekemu ne basalira Abimereki enkwe:
- 24 ekyejo kye baakolera batabani ba Yerubbaali ensanvu kiryoke kijje, n' omusaayi gwabwe guteekebwe ku Abimereki muganda waabwe, eyabatta, ne ku basajja ab' omu Sekemu, abaawa emikono gye amaanyi okutta baganda be.
- 25 Abasajja ab' omu Sekemu ne bassaawo abateezi okumuteegeranga ku ntikko z' ensozi, ne banyaga bonna abaayitanga mu kkubo eryo gye baali: ne babuulira Abimereki.
- 26 Awo Gaali mutabani wa Ebedi n' ajja ne baganda be, n' agenda e Sekemu: abasajja ab' omu Sekemu ne bamwesiga.
- 27 Ne bafuluma mu nnimiro, ne bafumba embaga, ne bayingira mu nnyumba ya lubaale waabwe, ne balya ne banywa, ne bakolimira Abimereki.
- 28 Gaali mutabani wa Ebedi n' ayogera nti Abimereki ye ani, ne Sekemu ye ani, ffe okumuweereza? si ye mutabani wa Yerubbaali? ne Zebbuli omumyuka we (ye ani)? muweereze abasajja ba Kamoli kitaawe wa Sekemu: naye ffe kiki ekyandituweereze-sezza oyo?
- 29 Era singa abantu bano baali wansi w' omukono gwange! nandiggyeewo Abimereki. N' agamba Abimereki nti Yongera eggye lyo ofulume.
- 30 Awo Zebbuli omukulu w' ekibuga bwe yawulira ebigambo bya Gaali mutabani wa Ebedi, obusungu bwe ne bubuubuuka.
- 31 N' atuma ababaka eri Abimereki mu kyama, ng' ayogera nti Laba, Gaali mutabani wa Ebedi ne baganda be batuuse mu Sekemu; era, laba, bawaliriza ekibuga okukulwanyisa.
- 32 Kale nno, golokoka kiro, ggwe n' abantu abali naawe, muteegere mu nnimiro:
- 33 awo olulituuka mu makya enjuba nga kyejje eveeyo, oligolokoka mu makya n' olumba ekibuga: era, laba, ye n' abantu abali naye bwe balifuluma okulwana naawe, oliyinza okubakola nga bw' oliraba ebbanga.
- 34 Abimereki n' agolokoka, n' abantu bonna abaali naye, kiro, ne bateega Sekemu nga beeyawuddemu ebisinde bina.
- 35 Gaali mutabani wa Ebedi n' afuluma, n' ayimirira mu mulyango gwa wankaaki w' ekibuga: Abimereki n' agolokoka n' abantu abaali naye we baali bateegedde.
- 36 Awo Gaali bwe yalaba abantu, n' agamba Zebbuli nti Laba, abantu baserengeta nga bava ku ntikko z' ensozi: Zebbuli n' amugamba nti Olaba ekisiikirize ky' ensozi nga kifaanana ng' abantu.
- 37 Gaali n' ayogera nate n' agamba nti Laba, waliwo abafuluma (mu kkubo eriri) wakati mu nsi, n' ekibiina ekimu kifulumu mu kkubo ery' omwera ogw' abafumu.
- 38 Awo Zebbuli n' alyoka amugamba nti Akamwa ko kaakano kali ludda wa kubanga wayogera nti Abimereki ye ani, ffe okumuweereza? bano si be bantu be wanyooma? kaakano, nkwegayiridde, fuluma olwane nabo.
- 39 Gaali n' akulembere abasajja ab' omu Sekemu n' afuluma, n' alwana ne Abimereki.
- 40 Abimereki n' amugoba, n' adduka mu maaso ge, ne bagwa bangi nga bafumitiddwa, okutuusa mu mulyango gwa wankaaki.
- 41 Abimereki n' abeera mu Aluma: Zebbuli n' agobamu Gaali ne baganda be, baleme

okubeera mu Sekemu.

- 42 Awo olwatuuka enkya abantu ne bafuluma mu nnimiro; ne babuulira Abimereki.
- 43 Awo n'atwala abantu n'abaawulamu ebisinde bisatu, n'ateegera mu nnimiro: n'atunula, era, laba, abantu ne bafuluma mu kibuga; n'abagolokokerako, n'abakuba:
- 44 Abimereki n'ebisinde ebyali naye ne bafubutuka, ne bayimirira mu mulyango gwa wankaaki w'ekibuga: ebisinde ebibiri ne bafubutukira ku bonna abaali mu nnimiro ne babakuba.
- 45 Abimereki n'azibya obudde ku lunaku olwo ng'alwana n'ekibuga; ekibuga n'akikuba, n'atta abantu abaali omwo: n'amenyamenya ekibuga, n'akisiga omunnyo.
- 46 Abasajja bonna ab'omu kigo eky'e Sekemu bwe baawulira ekyo ne bayingira mu kinnya eky'omu nnyumba ya Eruberisi.
- 47 Ne babuulira Abimereki ng'abasajja bonna ab'omu kigo eky'e Sekemu bakuaanye.
- 48 Awo Abimeieki n'alinnya ku lusozi Zalumoni, ye n'abantu bonna abaali naye; Abimereki n'addirira embazzi mu ngalo ze, n'atema ettabi ku miti, n'alironda, n'aliteeka ku kibegabega kye: n'agamba abantu abaali naye nti Kye mulabye nga nze nkikoze, mwanguwe mukole nga bwe nkoze
- 49 Abantu bonna nabo bwe batyo ne batema buli muntu ettabi lye, ne bagoberera Abimereki, ne bagassa ku kinnya kiri, ne bookya ekinnya nago; n'okufa ne bafa abasajja bonna ab'omu kigo eky'e Sekemu nabo, abasajja n'abakazi nga lukumi.
- 50 Awo Abimereki n'agenda e Sebezi, n'asiisira olusiisira ku Sebezi, n'akimenya.
- 51 Naye mu kibuga mwalimu ekigo eky'amaanyi, omwo mwe baddukira abasajja bonna n'abakazi, ne bonna ab'ekibuga, ne beggalira, ne balinnya ku kasolya k'ekigo.
- 52 Abimereki n'ajja eri ekigo, n'alwana nakyo, n'asemberera oluggi lw'ekigo okulwokya n'omuliro.
- 53 N'omukazi omu n'akasuka olubengo ku mutwe gwa Abimereki, n'amwasa omutwe.
- 54 Awo n'ayanguwa okuyita omulenzi eyatwalanga ebyokulwanyisa bye, n'amugamba nti Sowola ekitala kyo, onzite, abantu balemenga okunjogerako nti Omukazi ye yamutta. Omulenzi we n'amufumita, n'afa.
- 55 Abasajja ba Isiraeri bwe baalaba nga Abimereki afudde, ne baddayo buli muntu mu kifo kye.
- 56 Katonda bwe yawalana bw'atyo obubi bwa Abimereki, bwe yakola kitaawe, kubanga yatta baganda be nsanvu:
- 57 n'obubi bwonna obw'abasajja ab'omu Sekemu Katonda n'abuwalana ku mitwe gyabwe: n'okukolima kwa Yosamu mutabani wa Yerubbaali ne kujja ku bo.

Essuula 10

- 1 Awo oluvannyuma lwa Abimereki ne wabaawo Toola mutabani wa Puwa, mutabani wa Dodo, omusajja wa Isakaali, okulokola Isiraeri; n'abeera mu Samiri mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi.
- 2 N'alamulira Isiraeri emyaka abiri mu esatu, n'afa, ne bamuziika mu Samiri.
- 3 Oluvannyuma lw'oyo ne wabaawo Yayiri Omugireyaadi; n'alamulira Isiraeri emyaka abiri mu ebiri.
- 4 Era yalina batabani be asatu, abeebagalanga abaana b'endogoyi asatu, nabo baalina ebibuga asatu, bye bayita Kavosuyayiri okutuusa leero, ebiri mu nsi ya Gireyaadi.
- 5 Yayiri n'afa ne bamuziika mu Kamoni.
- 6 Abaana ba Isiraeri ne beeyongerera nate okukola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi, ne baweereza Babaali, ne Asutaloosi ne bakatonda ab'e Busuuli, ne bakatonda ab'e Sidoni, ne bakatonda ba Mowaabu, ne bakatonda ab'abaana ba Amoni, ne bakatonda ab'Abafirisuuti; Mukama ne bamuvaako ne batamuweereza.

- 7 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku Isiraeri, n'abatunda mu mukono gw'Abafirisuuti, ne mu mukono gw'abaana ba Amoni.
- 8 Ne beeraliikiriza ne bajooga abaana ba Isiraeri omwaka ogwo: (baajoogera) emyaka kkumi na munaana abaana ba Isiraeri bonna abaali emitala wa Yoludaani mu nsi y'Abamoli eri mu Gireyaadi.
- 9 Abaana ba Amoni ne basomoka Yoludaani okulwanyisa ne Yuda ne Benyamini n'ennyumba ya Efulayimu; n'okweraliikirira Isiraeri ne yeeraliikirira nnyo.
- 10 Abaana ba Isiraeri ne bakaabira Mukama nga boogera nti Twakusobya kubanga twava ku Katonda waffe; ne tuweereza Babaali.
- 11 Mukama n'agamba abaana ba Isiraeri nti Saabalokola eri Abamisiri n'eri Abamoli, eri abaana ba Amoni n'eri Abafirisuuti?
- 12 Era ne Basidoni n'Abamaleki n'Abamawoni baabajooga; ne munkaabira ne mbalokola mu mukono gwabwe.
- 13 Naye mwanvaako ne muweereza bakatonda abalala: kyenya nnema okugenda okubalokola nate.
- 14 Mugende mukaabire bakatonda be mwalonda; bo babalokolenga mu biro eby'okunakuwala kwammwe.
- 15 Abaana ba Isiraeri ne bagamba Mukama nti Twayonoona: tukole kyonna ky'onoolaba nga kirungi: kyokka tuwonye leero, tukwegayiridde.
- 16 Ne baggya mu bo bakatonda abaggya ne baweereza Mukama: omwoyo gwe ne gumuluma olw'ennaku za Isiraeri.
- 17 Awo abaana ba Amoni ne balyoka bakuaana ne basiisira mu Gireyaadi. Abaana ba Isiraeri ne bakuaana ne basiisira mu Mizupa.
- 18 Abantu, abakulu ab'e Gireyaadi, ne bagambagana nti Omusajja aluwa alisooka okulwanyisa abaana ba Amoni? oyo ye aliba omukulu w'abo bonna abatuula mu Gireyaadi.

Essuula 11

- 1 Era Yefusa Omugireyaadi yali musajja wa maanyi muzira, era yali mwana w'omwenzi: Gireyaadi ye yazaala Yefusa.
- 2 Omukazi ow'e Gireyaadi n'amuzaalira abaana ab'obulenzi; abaana ba mukazi we bwe baakula, ne bagoba Yefusa; ne bamugamba nti Tolisika mu nnyumba ya kitaffe; kubanga gw'oli mwana wa mukazi mulala.
- 3 Awo Yefusa n'alyoka adduka baganda be, n'abeera mu nsi ye Tobu: abasajja abataliiko kye bagasa ne bakuaana eri Yefusa, ne batabaalanga naye.
- 4 Awo olwatuuka ekiseera bwe kyayitawo abaana ba Amoni ne balwana ne Isiraeri.
- 5 Awo olwatuuka abaana ba Amoni bwe baalwana ne Isiraeri, abakadde ab'e Gireyaadi ne bagenda okukima Yefusa okumuggya mu nsi ye, Tobu:
- 6 ne bagamba Yefusa nti Jjangu obeere omukulu waffe, tulwane n'abaana ba Amoni.
- 7 ne bagamba Yefusa nti Jjangu obeere omukulu waffe, tulwane n'abaana ba Amoni.
- 8 Abakadde ab'e Gireyaadi ne bagamba Yefusa nti Kyetuvudde tukukyukira nate kaakano ogende naffe olwane n'abaana ba Amoni, naawe oliba mukulu waffe afuga bonna abatuula mu Gireyaadi.
- 9 Yefusa n'agamba abakadde ab'e Gireyaadi nti Bwe mulinkomyawo ewaffe okulwana n'abaana ba Amoni Mukama n'abagabula mu maaso gange, ndiba mukulu wammwe?
- 10 Abakadde We Gireyaadi ne bagamba Yefusa nti Mukama ye anaabanga omujulirwa wakati waffe; mazima n'ekigambo kyo bwe kiriba bwe tulikola bwe tutyo.
- 11 Awo Yefusa n'alyoka agenda n'abakadde ab'e Gireyaadi, abantu ne bamufuula omukulu waabwe abafuga: Yefusa n'ayogera ebigambo bye byonna mu maaso ga

Mukama mu Mizupa.

- 12 Awo Yefusa n'atuma ababaka eri kabaka w'abaana ba Amoni ng'ayogera nti Gw'olina ki nange, ekikuleese gye ndi okulwanyisa ensi yange?
- 13 Kabaka w'abaana ba Amoni n'addamu ababaka ba Yefusa nti Kubanga Isiraeri yanziyako ensi yange bwe yayambuka okuva mu Misiri, okuva ku Alunoni okutuuka ku Yabboki ne ku Yoludaani: kale kaakano zizze ensi ezo lwa mirembe.
- 14 Yefusa n'atuma nate ababaka eri kabaka w'abaana ba Amoni.
- 15 n'abagamba nti Yefusa bw'ayogera bw'atyo nti Isiraeri teyanyaga nsi ya Mowaabu, newakubadde ensi y'abaana ba Amoni:
- 16 naye bwe baayambuka okuva mu Misiri, Isiraeri bwe yali ayita mu ddungu okutuuka ku Nnyanja Emmyufu, n'atuuka e Kadesi;
- 17 Isiraeri n'alyoka atuma ababaka eri kabaka wa Edomu ng'ayogera nti Nkwegayirira, ka mpite mu nsi yo: naye kabaka wa Edomu n'atawulira: Era n'atumira bw'atyo kabaka wa Mowaabu: naye n'atayagala: Isiraeri n'atuula mu Kadesi.
- 18 Awo n'alyoka ayita mu ddungu ne yeetooloola ensi ya Edomu n'ensi ya Mowaabu, n'atuuka ku luuyi lw'ensi ya Mowaabu olw'ebuvanjuba, ne basiisira emitala wa Alunoni; naye ne batatuuka mu nsalo ya Mowaabu, kubanga Alunoni gwali nsalo ya Mowaabu:
- 19 Isiraeri n'atuma ababaka eri Sikoni kabaka w'Abamoli, kabaka w'e Kesuboni; Isiraeri n'amugamba nti Tukwegayirira; ka tuyitemu nsi yo ende mu kifo kyange.
- 20 Naye Sikoni n'ateesiga Isiraeri kuyita mu nsalo ye; naye Sikoni n'akuaanya abantu be bonna n'asiisira mu Yakazi, n'alwana ne Isiraeri:
- 21 Mukama Katonda wa Isiraeri; n'agabula Sikoni n'abantu be bonna mu mukono gwa Isiraeri; ne babatta: Isiraeri n'alyoka alya ensi yonna ey'Abamoli, be baatuula mu nsi eyo.
- 22 Ne balya ensalo yonna ey'Abamoli, okuva ku Alunoni okutuuka ku Yabboki, era okuva mu ddungu okutuuka ku Yoludaani.
- 23 Kale kaakano Mukama Katonda wa Isiraeri, yagobamu Abamoli mu maaso g'abantu be Isiraeri, naawe wandibalidde?
- 24 Tolirya nsi katonda wo Kemosi gy'akuwa okulya? Naffe bwe tutyo bonna Mukama Katonda waffe be yagobamu mu maaso gaffe, eyo gye tulirya.
- 25 Ne kaakano gw'osinga Balaki mutabani wa Zipoli, kabaka wa Mowaabu, n'akatono? yali awakanyeeke ne Isiraeri; oba yali alwaayeeke nabo?
- 26 Isiraeri bwe yali atuula mu Kesuboni n'ebyalo byakyo, ne mu Aloweri n'ebyalo byakyo, ne mu bibuga byonna ebiri ku mabbali ga Alunoni, emyaka ebikumi bisatu; ekyabalobera ki okubiddamu okubirya mu kiseera ekyo?
- 27 Kale nze sikwonoona, naye ggwe onsobezza okulwana nange: Mukama, Omulamuzi, alamule leero wakati w'abaana ba Isiraeri n'abaana ba Amoni.
- 28 Naye kabaka w'abaana ba Amoni n'atawulira bigambo bya Yefusa bye yamutumira.
- 29 Awo omwoyo gwa Mukama ne gulyoka gujja ku Yefusa, n'ayita mu Gireyaadi ne Manase, n'ayita mu Mizupe eky'omu Gireyaadi, n'ava e Mizupe eky'omu Gireyaadi n'ayita n'agenda eri abaana ba Amoni.
- 30 Yefusa ne yeeyama eri Mukama obweyamo n'agamba nti Oba ng'oligabulira ddala abaana ba Amoni mu mukono gwange;
- 31 awo olulituuka, ekintu kyonna ekirifuluma mu nzigi z'ennyumba yange okun-sisinkana, bwe ndikomawo emirembe okuva eri abaana ba Amoni, kiriba kya Mukama, nange ndikiwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa:
- 32 Awo Yefusa n'ayita n'agenda eri abaana ba Amoni okulwana nabo; Mukama n'abagabula mu mukono gwe.
- 33 N'abakuba okuva ku Aloweri okutuusa ng'ojja e Minnisi, bye bibuga abiri,

n'okutuuka ku Aberukeramimu, n'abatta bangi nnyo: Abaana ba Amoni bwe baajeemulwa bwe batyo mu maaso g'abaana ba Isiraeri:

- 34 Yefusa n'ajja e Mizupa eri ennyumba ye, era, laba, muwala we n'afuluma okumusinkana ng'alina ebitaasa era nga bazina: era ye yali omwana we omu; teyalina wa bulenzi newakubadde ow'obuwala wabula ye.
- 35 Awo olwatuuka bwe yamulaba n'ayuzayuzay engoye ze n'ayogera nti Zinsanze, muwala wange! onnakuwazizza nnyo, naawe oli ku muwendo gw'abo abanneeraliikiriza: kubanga nayasama akamwa kange eri Mukama, so siyinza kuddirira.
- 36 N'amugamba nti Kitange, wayasama akamwa ko eri Mukama; nkola ng'ekigambo bwe kyali ekyava mu kamwa ko; kubanga Mukama yakuwalanyizza eggwanga ku balabe bo, abaana ba Amoni.
- 37 N'agamba kitaawe nti Ekigambo kino kinkolwe: ndekera emyezi ebiri, ende nserengetere ku nsozi, nkaabire obutamanya bwange musajja, nze ne bannange.
- 38 N'agamba nti Genda: N'amusiibula amale emyezi ebiri: n'agenda, ye ne banne, n'akaabira obutamanya bwe musajja ne bumukaabisiza eyo ku nsozi.
- 39 Awo olwatuuka emyezi ebiri bwe gyaggwaako, n'akomawo eri kitaawe, n'amukola ng'obweyamo bwe bwe bwali bwe yeeyama: era yali tannamanya musajja.
- 40 Ne wabangawo empisa mu Isiraeri, abawala ba Isiraeri okugendanga buli mwaka okujjukira muwala wa Yefusa Omugireyaadi ennaku nnya buli mwaka.

Essuula 12

- 1 Abasajja ba Efulayimu ne bakuaana ne bayita okugenda mu nsi ey'obukiika obwa kkono; ne bagamba Yefusa nti Kiki ekyakusomosa okugenda okulwana n'abaana ba Amoni, n'ototuyita ffe okugenda naawe? tulikwokerera ennyumba yo omuliro.
- 2 Yefusa n'abagamba nti Nze n'abantu bange twali tulwana nnyo n'abaana ba Amoni; awo bwe nnabayita ne mutandokola mu mukono gwabwe.
- 3 Awo bwe nnalaba nga temundokodde, obulamu bwange ne mbuteeka mu ngalo zange, ne nsomoka okulwana n'abaana ba Amoni, Mukama n'abagabula mu mukono gwange: kale, kiki ekibalinyisa leero gye ndi okulwana nange?
- 4 Awo Yefusa n'alyoka akuaanya abasajja bonna ab'e Gireyaadi n'alwana ne Efulayimu: abasajja ab'e Gireyaadi ne bakuba Efulayimu, kubanga baayogera nti Muli badduse ba Efulayimu mmwe ab'e Gireyaadi, wakati mu Efulayimu (ne) wakati mu Manase.
- 5 Ab'e Gireyaadi ne beekwata emisomoko gya Yoludaani okuteega Abaefulayimu: awo olwatuuka (omuntu yenna) ku badduse ba Efulayimu bwe yayogera nti Nsomoke, ab'e Gireyaadi ne bamugamba nti Oli Mwefulayimu? Bwe yayogera nti Nedda;
- 6 ne balyoka bamugamba nti Kale nno yogera Shibbolesi; n'ayogera nti Sibbolesi; kubanga teyayinza kukiruamya kukituusa bulungi; ne balyoka bamukwata, ne bamutira ku misomoko gya Yoludaani; ne bafa ku Efulayimu mu biro ebyo obukumi buna mu enkumi bbiri.
- 7 Yefusa n'alamulira Isiraeri emyaka mukaaga. Yefusa Omugireyaadi n'alyoka afa, ne bamuziika mu kibuga kimu ku by'omu Gireyaadi.
- 8 Awo oluvannyuma lwe Ibuzaaani ow'e Besirekemu n'alamula Isiraeri.
- 9 Era yalina batabani be asatu, era yasindika abawala be asatu okugenda mu nsi endala, n'aggya abawala asatu mu nsi endala n'abawasiza batabani be. N'alamulira Isiraeri emyaka musanvu.
- 10 Ibuzaaani n'afa, ne bamuziika mu Besirekemu.
- 11 Awo oluvannyuma lwe Eroni Omuzebbulooni n'alamula Isiraeri; n'alamulira Isiraeri emyaka kkumi.
- 12 Eroni Omuzebbulooni n'afa, ne bamuziika mu Ayalooni mu nsi ya Zebbulooni.

- 13 Awo oluvannyuma lwe Abudoni mutabani wa Kireri Omupirasoni n'alamula Isiraeri.
- 14 Era yalina batabani be ana n'abazzukulu be asatu, abeebagalanga ku baana b'endogoyi nsanvu: n'alamulira Isiraeri emyaka munaana.
- 15 Abudoni mutabani wa Kireri Omupirasoni n'afa, ne bamuziika mu Pirasoni mu nsi ya Efulayimu, mu nsi ey'Abamaleki ey'ensozi.

Essuula 13

- 1 Awo abaana ba Isiraeri ne beeyongera nate okukola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi; Mukama n'abagabulira mu mukono gw'Abafirisuuti emyaka ana.
- 2 Era waaliwo omusajja ow'e Zola, ow'ekika ky'Abadaani, erinnya lye Manowa: ne mukazi we yali mugumba ng'atazaala.
- 3 Malayika wa Mukama n'alabikira omukazi n'amugamba nti Laba nno, oli mugumba so tozaala: naye oliba olubuto, era olizaala omwana wa bulenzi.
- 4 Kale nno weekuume nkwegayiridde, oleme okunywanga ku mwenge newakubadde ekitamiiza so tolyanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu:
- 5 kubanga, laba, oliba olubuto, era olizaala; omwana wa bulenzi; so akamwano tekayitanga ku mutwe gwe: kubanga omwana aliba Muwonge eri Katonda okuva mu lubuto: era ye alitanula okulokola Isiraeri mu mukono gw'Abafirisuuti.
- 6 Awo omukazi n'alyoka ajja abuulira bba, ng'ayogera nti Omusajja wa Katonda azze gye ndi, n'amaaso ge gabadde ng'amaaso ga malayika oyo owa Katonda, ag'entiisa ennyingi; so simubuuzizza gy'avudde, so n'atambuulira linnya lye:
- 7 naye n'aamba nti Laba, oliba olubuto, era olizaala omwana wa bulenzi; ne kaakano tonywanga ku mwenge newakubadde ekitamiiza, so tolyanga ku kintu ekitali kirongoofu: kubanga omwana aliba Muwonge eri Katonda okuva mu lubuto okutuusa ku lunaku olw'okufa kwe.
- 8 Awo Manowa n'alyoka yeegayirira Mukama n'ayogera nti Ai Mukama, nkwegayirira, omusajja wa Katonda gwe watuma ajje gye tuli olw'okubiri, atuyigirize bwe tulikola omwana agenda okuzaalibwa.
- 9 Katonda n'awulira eddoozi lya Manowa; malayika wa Katonda n'ajjira omukazi olw'okubiri bwe yali atudde mu nnimiro: naye Manowa bba teyali naye.
- 10 Omukazi n'ayanguwa n'adduka n'abuulira bba n'amugamba nti Laba, omusajja andabikidde eyanjijira olulala.
- 11 Manowa n'agolokoka n'agoberera mukazi we, n'ajja eri omusajja n'amugamba nti Ggwe oli omusajja eyayogera n'omukazi? N'agamba nti Nze wuuno.
- 12 Manowa n'agamba nti Kale nno ebigambo byo bituukirire; omwana alifaanana atya, n'omulimu gwe (guliba ki)?
- 13 Malayika wa Mukama n'agamba Manowa nti Byonna bye nnabuulira omukazi abyekuumenga.
- 14 Talyanga ku kintu ekiva ku muzabbibu, so tanywanga mwenge newakubadde ekitamiiza so talyanga kintu kyonna ekitali kirongoofu; byonna bye nnamulagira abikwawanga.
- 15 Manowa n'agamba malayika wa Mukama nti Nkwegayirira, tukulwiseewo, tukuteekereeteekere omwana gw'embuzi.
- 16 Malayika wa Mukama n'agamba Maaowa nti Newakubadde ng'onondwisaawo sija kulya ku mmere yo: era bw'oyagala okuteekateeka ekiweebwayo ekyokebwa, kikugwanira okukiwa Mukama. Kubanga Manowa yali tamanyi nga Ye malayika wa Mukama.
- 17 Manowa n'agamba malayika wa Mukama nti Erinnya lye ggwe ani, ebigambo byo bwe birituukirira tulyoke tukuwe ekitiibwa?

- 18 Malayika wa Mukama n'amugamba nti Obuuliza ki erinnya lyange, kubanga lya kitalo?
- 19 Awo Manowa n'addira omwana gw'embuzi wamu n'ekiweebwayo eky'obutta, n'akiweerayo ku jinja eri Mukama; ne (malayika) n'akola eby'ekitalo, Manowa ne mukazi we nga bamutunuulira.
- 20 Kubanga olwatuuka omuliro bwe gwava ku kyoto ne gulinywa mu ggulu, malayika wa Mukama n'ayambukira mu muliro ogw'oku kyoto: Manowa ne mukazi we nga bamutunuulira ne bavuuuama amaso gaabwe.
- 21 Naye malayika wa Mukama n'atalabikira nate Manowa newakubadde mukazi we. Awo Manowa n'alyoka amanya nga Ye malayika wa Mukama.
- 22 Manowa n'agamba mukazi we nti Tetuuleme kufa, kubanga tulabye Katonda.
- 23 Naye mukazi we n'amugamba nti Oba nga Mukama abadde ayagala okututta, teyandikirizza ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'obutta eri omukono gwaffe, so teyanditulaze bigambo ebyo byonna, so teyanditubuulidde mu biro bino ebigambo ebiri bwe bityo.
- 24 Omukazi n'azaala omwana wa bulenzi, n'amutuuma erinnya Samusooni: omwana n'akula, Mukama n'amuwa omukisa.
- 25 Omwoyo gwa Mukama ne gusooka okumusindika mu Makedani, wakati w'e Zola ne Esutaoli.

Essuula 14

- 1 Samusooni n'aserengeta e Timuna, n'alaba mu Timuna omukazi ow'oku bawala ab'Abafirisuuti.
- 2 N'ayambuka okuvaayo, n'abuulira kitaawe ne nnyina n'abagamba nti Nalaba mu Timuna omukazi ow'oku bawala ab'Abafirisuuti: kale nno mumpasize oyo.
- 3 Awo kitaawe ne nnyina ne balyoka bamugamba nti Tewali mukazi n'omu mu bawala ba baganda bo, newakubadde mu bantu bange bonna, naawe kyova ogenda okuwasa omukazi ku Bafirisuuti abatali bakomole? Samusooni n'agamba kitaawe nti Mpasiza oyo; kubanga mmusiima nnyo.
- 4 Naye kitaawe ne nnyina baali tebamanyi nga kyava eri Mukama; kubanga yali anoonya ensonga ku Bafirisuuti. Era mu biro ebyo Abafirisuuti baali bafuga Isiraeri.
- 5 Awo Samusooni n'alyoka aserengeta e Timuna, ne kitaawe ne nnyina, ne batuuka mu nsuku z'emizabbibu ez'e Timuna: era, laba, empologoma envubuka n'emuwulugumirako.
- 6 Omwoyo gwa Mukama ne gumujjako n'amaanyi, n'agitaagulataagula nga bwe yandi-taaguddetaagudde omwana gw'embuzi, so nga talina kintu mu ngalo ze: naye n'atabuulira kitaawe newakubadde nnyina ky'akoze.
- 7 N'aserengeta n'anyumya n'omukazi, Samusooni n'amusiima nnyo.
- 8 Ebbanga bwe lyayitaawo n'addayo okumutwala, n'akyama okulaba omulambo gw'empologoma: era, laba, enjuki nga ziri mu mulambo gw'empologoma n'omubisi gw'enjuki.
- 9 N'agutwala n'engalo ze, n'agenda ng'alya atambula, n'ajjira kitaawe ne nnyina, n'abawaako, ne balya: naye n'atababuulira ng'omubisi aguggye mu mulambo gw'empologoma.
- 10 Kitaawe n'aserengeta eri omukazi: Samusooni n'afumbayo embaga; kubanga bwe baayisanga okukola bwe batyo.
- 11 Awo olwatuuka bwe baamulaba ne baleeta bannaabwe asatu okubeera naye.
- 12 Samusooni n'abagamba nti Kaakano ka mbakokkolere ekikokko: bwe muliyyinza okukinzivuunula ennaku omusanvu ez'embaga nga tezinnaggwaawo, ne mukitegeera,

ne ndyoka mbawa ebyambalo ebya bafuta asatu n'emiteeko gy'engoye asatu:

- 13 naye bwe muliremwa okukimbuulira, mmwe ne mulyoka mumpa ebyambalo ebya bafuta asatu n'emiteeko gy'engoye asatu. Ne bamugamba nti Kokkola ekikokko kyo tukiwulire.
- 14 N'abagamba nti Mu mulyi mwavaamu emmere, Ne mu w'amaanyi mwavaamu obuwoomerevu. Ennaku ssatu ne ziyitawo ne balemwa okuvvuunula ekikokko.
- 15 Awo olwatuuka ku lunaku olw'omusanvu ne bagamba mukazi wa Samusooni nti Sendasenda balo atuvvuunule ekikokko, tuleme okukwokya omuliro ggwe n'ennyumba ya kitaawo: mwatuyita okutwavuwaza? si bwe kiri?
- 16 Mukazi wa Samusooni n'akaaba amaziga mu maaso ge n'agamba nti Onkyawa bukyayi, so tonjagala: wakokkolera ekikokko abaana b'abantu bange n'otokimbuulirako nze. N'amugamba nti Laba, sikibuuliranga kitange newakubadde mmange, ggwe nnaakibuulirako?
- 17 N'akaabira amaziga mu maaso ge ennaku musanvu embaga ng'ekyaliwo: awo olwatuuka ku lunaku olw'omusanvu n'amubuulira kubanga yamutayirira nnyo: n'abulira abaana b'abantu be ekikokko kye yakokkola.
- 18 Abasajja ab'omu kibuga ne bamugamba ku lunaku olw'omusanvu enjuba nga tenagwa nti Ekisinga omnibisi gw'enjuki obuwoomerevu kiki? era ekisinga empologoma amaanyi kiki? N'agamba nti Singa temwalimya nte yange, Temwandivvuunudde kikokko kyange.
- 19 Awo omwoyo gwa Mukama ne gumujjako n'amaanyi, n'aserengeta e Asukulooni, n'abattamu abasajja asatu, n'anyaga omunyago gwabwe, n'abawa emiteeko (gy'engoye) abo abavvuunula ekikokko. Obusungu bwe ne bubuubuuka, n'ayambuka eri ennyumba ya kitaawe.
- 20 Naye mukazi wa Samusooni ne bamuwa munne, gwe yabanga naye nga ba mukwano.

Essuula 15

- 1 Naye olwatuuka ebbanga bwe lyayitawo, nga bakungula eaano, Samusooni n'akyalira mukazi we ng'alina omwana gw'embuzi; n'ayogera nti Naayingira eri mukazi wange mu nju. Naye kitaawe n'atamuganya kuyingira.
- 2 Kitaawe n'agamba nti Mazima mbadde ndowooza nga wamukyayira ddala; kyennava muwa munno: muganda we omuto tamusinga bulungi? nkwegayiridde, mutwale mu kifo kye.
- 3 Samusooni n'abagamba nti Omulundi guno ndiba nga siriiko musango eri Abafirisuuti, bwe ndibakolera akabi.
- 4 Samusooni n'agenda n'akwata ebibe ebikumi bisatu, n'addira ebitawuliro, n'abikwata-ganya emikira, n'ateeka ekitawuliro wakati w'emikira kinneebirye.
- 5 Awo bwe yamala okukoleeza ebitawuliro, n'abita okugenda mu aano eri mu nnimiro ey'Abafirisuuti, n'ayokya ebinywa era n'eaano eri mu nnimiro, era n'ensuku z'emizeyituuni.
- 6 Awo Abafirisuuti ne balyoka boogera nti Akoze bw'atyo ye ani? Ne boogera nti Samusooni mukoddomi w'Omutimuna, kubanga yatwala mukazi we n'amuwa munne. Abafirisuuti ne bayambuka, ne bookya omukazi ne kitaawe nmuliro.
- 7 Samusooni n'abagamba nti Bwe mukola bwe mutyo, sirirema kubawalanako ggwanga, ne ndyoka ndekera awo.
- 8 N'abattira ddala nnyo nnyini bangi nnyo: n'aserengeta n'atuula mu lwatika olw'omu jjinja lya Etamu.
- 9 Awo Abafirisuuti ne bayambuka, ne basiisira mu Yuda, ne bayanjaala mu Leki.
- 10 Abasajja ba Yuda ne boogera nti Kiki ekibayambusizza okulwana naffe? Ne boogera

nti Twambuse okusiba Samusooni, okumukola nga bwe yatukola ffe.

- 11 Awo abasajja enkumi ssatu aba Yuda ne balyoka baserengeta eri olwatika olw'omu-jjinja lya Etamu, ne bagamba Samusooni nti Tomanyi nga Abafirisuuti batufuga? kale kino kiki kye watukola? N'abagamba nti Bo nga bwe bankola, nange bwe nnabakola.
- 12 Ne bamugamba nti Tuserengese okukusiba, tukugabule mu mukono gw'Abafirisuuti. Samusooni n'abagamba nti Mundayirire obutangwako mmwe bennyini.
- 13 Ne boogera naye nga bagamba nti Nedda; naye tunaakusibira ddala, ne tukugabula mu mukono gwabwe: naye mazima tetuukutte. Ne bamusibya emigwa ebiri emiggya, ne bamulinnyisa okuva mu jjinja.
- 14 Bwe yatuuka e Leki, Abafirisuuti ne boogerera waggulu bwe baasisinkana naye: omwoyo gwa Mukama ne gumujjako n'amaanyi, n'emigwa egyali ku mikono gye ne gifuuka ng'obugogwa obwokeddwa omuliro, ebyali bimusibye ne biva ku mikono gye.
- 15 N'alaba oluba lw'endogoyi olubisi, n'agolola omukono gwe, n'aluddira, n'alussa abasajja lukumi.
- 16 Samusooni n'ayogera nti Oluba lw'endogoyi, entuumo n'entuumo, Oluba lw'endogoyi lwe nzisizza abasajja olukumi.
- 17 Awo olwatuuka bwe yamala okwogera n'asuula oluba okuva mu ngalo ze; ekifo ekyo ne kiyitibwa Lamasuleki:
- 18 Ennyonta n'emuluma nnyo, n'akaabira Mukama, n'ayogera nti Otuwadde okulokoka kuno okunene n'omukono gw'omuddu wo: ne kaakano ennyonta enenzita, ne ngwa mu mukono gw'abatali bakomole.
- 19 Naye Katonda n'ayasa ekinnya ekiri mu Leki, amazzi ne gavaamu; awo bwe yamala okunywa, omwoyo gwe ne gumuddamu, n'alamuka: kyerwava lutuumibwa erinnya Enkakkole, oluli mu Leki, okutuusa leero.
- 20 N'alamulira Isiraeri emyaka abiri mu nnaku z'Abafiisuuti.

Essuula 16

- 1 Samusooni n'agenda e Gaza, n'alabayi omukazi omwenzi, n'ayingira gy'ali.
- 2 (Ne babuulira) ab'e Gaza nti Samusooni atuuse wano: Ne bamuzingiza, ne bamuteegera mu mulyango gw'ekibuga okukeesa obudde, ne basirika ekiro kyonna, nga boogera nti Obudde bukye tulyoke tumutte.
- 3 Samusooni ne yeebaka okutuusa ettumbi, n'agolokoka mu ttumbi, n'akwata enzigi z'omuzigo gw'ekibuga, n'emifuubeeto gyombi, n'abisimbulira ddala byonna era n'ekisiba, n'abiteeka ku kibegabega kye, n'abitwala ku ntikko y'olusozi oluli mu maaso g'e Kebbulooni.
- 4 Awo olwatuuka oluvannyuma n'ayagala omukazi mu kiwonvu Soleki, erinnya lye Derira.
- 5 Abakungu b'Abafirisuuti ne bayambuka gy'ali, ne bamugamba nti Musendeseade olabe amaanyi ge amangi mwe gasibuka, era kwe tulisinziira okumusobola, tumusibe tumujeeze: naffe tulikuwa buli muntu ku ffe ebitundu ebya ffeeza lukumi mu kikumi.
- 6 Derira n'agamba Samusooni nti Nkwegayiridde, mbuulira amaanyi go amangi mwe gasibuka, era ekiyinza okukusiba okukujeeza.
- 7 Samusooni n'amugamba nti Bwe balinsibya enkolokolo embisi omusanvu ezitakaze, ne ndyoka nfuuka omunafu, ne mba ng'omusajja omulala.
- 8 Awo abakungu b'Abafirisuuti ne bamuleetera enkolokolo embisi omusanvu ezitakaze, n'amusibya ezo.
- 9 Era omukazi yalina abateezi abaabeera mu nju ey'omunda: N'amugamba nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni. N'akutula enkolokolo, ng'omugwa

gw'obugogwa bwe gukutuka nga gutuuse ku muliro: Awo amaanyi ge ne gatategeereka:

- 10 Derira n'agamba Samusooni nti Laba, onduulidde, era onnimbye: kaakano nkwe-gayiridde, mbuulira ekiyinja okukusiba.
- 11 N'amugamba nti Bwe balinsibya obusibya emigwa emiggya egitakozesebwanga ku mirimu, ne ndyoka nfuuka omunafu, ne mba ng'omusajja omulala.
- 12 Awo Derira n'addira emigwa emiggya, n'amusibya egyo, n'amugamba nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni. Era abateezi baali bali mu nju ey'omunda. N'agikutula ku mikono gye ng'ewuzi.
- 13 Derira n'agamba Samusooni nti Okutuusa kaakano onduulira era onnimba bulimbi: mbuulira ekiyinja okukusiba. N'amugamba nti Bw'onooluka emivumbo egy'oku mutwe gwange omusanvu n'engoye ezirukibwa.
- 14 N'azisibira ddala n'olubambo n'amugamba nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni. N'azukuuka mu tulo twe, n'akwakula olubambo lw'omuti ogulukirwako, n'engoye ezirukibwa.
- 15 N'amugamba nti Oyinza otya okwogera nti Nkwagala, omutima gwo nga teguli mange? waakanduulira emirundi gino esatu, so tonnambuulira amaanyi go amangi mwe gasibuka.
- 16 Awo olwatuuka bwe yamutayiriranga buli lunaku n'ebigambo bye n'amwegayiriranga, obulamu bwe ne bwagala okufa ennaku.
- 17 N'amubuulira byonna (ebyali mu) mutima gwe, n'amugamba nti Akamwano tekayitanga ku mutwe gwange; kubanga ndi Muwonge eri Katonda okuva mu lubuto lwa mmange: bwe ndiba nga mmwereddwa, amaanyi gange ne galyoka ganvaako, ne nfuuka nmunafu, ne mba ng'omusajja omulala yenna.
- 18 Derira bwe yalaba ng'amubuulidde byonna (ebibadde mu) mutima gwe, n'atuma n'ayita abakungu b'Abafirisuuti ng'ayogera nti Mwambuke omulundi guno gwokka, kubanga ambuulidde byonna (ebibadde mu) mutima gwe. Awo abakungu b'Abafirisuuti ne balyoka bayambuka gy'ali nga baleeta effeeza mu ngalo zaabwe.
- 19 N'amwebasa ku maviivi ge; n'ayita omusajja, n'amwa emivumbo egy'oku mutwe gwe omusanvu; n'atanula okumujeeza, amaanyi ge ne gamuvaako.
- 20 N'ayogera nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni. N'azuukuka mu tulo twe n'ayogera nti Naifuluma ng'obw'edda, ne nneekunkumula. Naye yali tamanyi nga Mukama amulese.
- 21 Awo Abafirisuuti ne bamukwata, ne baggyamu amaaso ge; ne bamuserengesa e Gaza, ne bamusibya enjegere z'ebikomo: n'aseeranga mu nnyumba ey'ekkomera.
- 22 Naye enviiri ez'oku mutwe gwe ne zitanula okumera bwe yamala okumwebwa.
- 23 Awo abakungu b'Abafirisuuti ne bakuaana okuwaayo ssaddaaka ennene eri Dagoni katonda waabwe n'okusanyuka: kubanga baayogera nti Katonda waffe agabudde Samusooni omulabe waffe mu mukono gwaffe:
- 24 Awo abantu bwe baamulaba ne batendereza katonda waabwe: kubanga baayogera nti Katonda waffe agabudde omulabe waffe mu mukono gwaffe, era omuzikiriza w'ensi y'ewaffe, eyatuttako abangi.
- 25 Awo olwatuuka emitima gyabwe bwe gyali gisanyuse, ne boogera nti Muyite Samusooni atunyumizeeko. Ne bayita Samusooni okumuggya mu nnyumba ey'ekkomera: n'abanyumizaako (ng'ali) mu maaso gaabwe: ne bamuteeka wakati w'empagi:
- 26 Samusooni n'agamba omulenzi eyali amukutte ku mukono nti Ndeka okuwammanta empagi eziwanirira enju, nzeesigameko.
- 27 Era enju yali ejjudde abasajja n'abakazi; era abakungu b'Abafirisuuti baali bali awo bonna; ne waggulu ku nju kwaliko abasajja n'abakazi nga nkumi ssatu abaali batunuulira Samusooni ng'abanyumizaako.

- 28 Awo Samusooni n'akaabira Mukama n'ayogera nti Ai Mukama Katonda, njjukira, nkwegayirira, ompe amaanyi, nkwegayirira, omulundi guno gwokka, ai Katonda, mpalane eggwanga mangu ago ku Bafirisuuti olw'amaaso gange gombi.
- 29 Samusooni n'akwata empagi zombi eza wakati ezaawanirira enju, n'azeesigamako, omukono gwe ogwa ddyo nga guli ku emu, n'ogwa kkono nga guli ku ndala:
- 30 Samusooni n'ayogera nti Nfiire wamu n'Abafirisuuti. N'akutama n'amaanyi ge gonna; enju n'egwa ku bakungu ne ku bantu bonna abaali omwo. Bwe batyo abaafa be yattira mu kufa kwe baali bangi okusinga be yatta nga mulamu.
- 31 Awo baganda be n'ennyumba yonna eya kitaawe ne baserengeta ne bamutwala, ne bamwambusa, ne bamuziika wakati w'e Zola ne Esutaoli mu kifo eky'okuziikangamu eky Manowa kitaawe. Era yalamulira Isiraeri emyaka abiri.

Essuula 17

- 1 Awo waaliwo omusajja ow'omu nsi ya Efulayimu ey'ensozi, erinnya lye Mikka.
- 2 N'agamba nnyina nti Ebitundu ebya ffeeza lukumi mu kikumi ebyakuggibwako, ebyakukolimya ekikolimo n'okwogera n'okyogera mu matu gange, laba, ffeeza eri nange; nze nagitwala: Nnyina n'ayogera nti Omwana wange aweebwe omukisa Mukama:
- 3 N'azza ebitundu biri ebya ffeeza lukumi mu kikumi eri nnyina, nnyina n'ayogera nti Mazima njawula ffeeza eno eri Mukama okuva mu mukono gwange olw'omwana wange, okukola ekifaananyi ekyole n'ekifaananyi ekisaanuuse: kale kaakano naagizza eri ggwe.
- 4 Awo bwe yazza ebintu eri nnyina, nnyina n'atwala ebitundu ebya ffeeza ebikumi bibiri, n'abiwa omukozi asaanuusa, oyo n'abikoza ekifaananyi ekyole n'ekifaananyi ekisaanuuse: ne kibeera mu nnyumba ya Mikka.
- 5 Era omusajja oyo Mikka yalina ennyumba ya bakatonda, n'atunga ekkanzu, ne baterafi, n'ayawula omu ku batabani be, oyo n'afuuka kabona we.
- 6 Mu nnaku ezo nga tewali kabaka mu Isiraeri: buli muntu yakolanga ekyabanga mu maaso ge ye ekirungi.
- 7 Era waaliwo omuvubuka eyava mu Besirekemuyuda, ow'ekika kya Yuda, Omuleevi, n'abeera eyo.
- 8 Omusajja oyo n'ava mu kibuga, mu Besirekemuyuda, okubeera gy'anaayinza okulaba (ekifo): n'atuuka mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi eri ennyumba ya Mikka, ng'atambula:
- 9 Mikka n'amugamba nti Ova wa? N'amugamba nti Nze Muleevi ow'e Besirekemuyuda, era enda okubeera gye nnaayinza okulaba (ekifo).
- 10 Mikka n'amugamba nti Beera nange, obeere gye ndi kitange era kabona, nange naakuwanga ebitundu ebya ffeeza kkumi buli mwaka, n'ebyokwambala omuteeko gumu, n'ebyokulya. Awo Omuleevi n'ayingira.
- 11 Omuleevi n'akkiriza okubeera n'omusajja oyo; omulenzi oyo n'abeera gy'ali ng'omu ku batabani be.
- 12 Mikka: n'ayawula Omuleevi, omulenzi oyo n'afuuka kabona we, n'abeera mu nnyumba ya Mikka.
- 13 Mikka n'alyoka ayogera nti Kaakano mmanyi nga Mukama anankolanga bulungi, kubanga nnina Omuleevi okuba kabona wange.

Essuula 18

- 1 Mu nnaku ezo nga tewali kabaka mu Isiraeri: ne mu nnaku ezo ekika ky'Abadaani

beenoonyeza obusika obw'okutuulamu; kubanga okutuusa ku lunaku olwo obusika bwabwe baali nga tebannabuwebwa mu bika bya Isiraeri.

- 2 Awo abaana ba Ddaani ne batuma ab'omu kika kyabwe abasajja bataano ku muwendo gwabwe gwonna, abasajja abazira, okuva mu Zola ne mu Esutaoli, okuketta ensi n'okugikebera; ne babagamba nti Mugende mukebere ensi: ne batuuka mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi, eri ennyumba ya Mikka, ne basula omwo.
- 3 Bwe baali bali eyo mu nnyumba ya Mikka, ne bategeera eddoozi ly'omuvubuka Omuleevi: ne bakyama okugenda eyo, ne bamugamba nti Ani eyakuleeta wano? era okola ki mu kifo kino? era kiki ky'olina wano?
- 4 N'abagamba nti Bw'atyo ne bw'atyo Mikka bwe yankola, n'ampeera, nange ne nfuuka kabona we.
- 5 Ne bamugamba nti Tukwegayirira, buuza Katonda atulagule, tumanye oba ng'olugendo lwaffe lwe tugenda luliba n'omukisa.
- 6 Kabona n'abagamba nti Mugende mirembe: olugendo lwammwe lwe mugenda luli mu maaso ga Mukama.
- 7 Awo abasajja abo abataano ne balyoka beegendera, ne batuuka e Layisi, ne balaba abantu abali omwo, nga batuula mirembe, ng'engeri ey'Abasidoni bw'eri, nga basirise nga balina emirembe; kubanga tewaali muntu mu nsi nannyini buyinza eyandiyinzizza okubaswaza mu kigambo kyonna, era baabali wala Abasidoni, so tebasanga kimu na muntu yenna.
- 8 Ne batuuka eri baganda baabwe e Zola ne Esutaoli: baganda baabwe ne babagamba nti Mwogera mutya?
- 9 Ne boogera nti Mugolokoke twambuke okulwana nabo: kubanga tumaze okulaba ensi, era, laba, nnungi nnyo: nammwe musirise? temugayaala kugenda n'okuyingira okulya ensi.
- 10 Bwe muligenda, mulisanga abantu abatamanyiridde, era ensi ngazi: kubanga Katonda agibawadde mu mukono gwammwe; ekifo ekitabulwamu kintu ekiri mu nsi.
- 11 Ne wawaayo okugenda ab'omu kika ky'Abadaani, abaava mu Zola ne mu Esutaoli, abasajja lukaaga abeesiba ebyokulwanyisa.
- 12 Ne bambuka, ne basiisira mu Kiriyasuyalimu mu Yuda: kyebava bayita ekifo ekyo Makedani okutuusa leero: laba, kiri nnyuma w'e Kiriyasuyalimu.
- 13 Ne bavaayo ne batuuka mu nsi ya Efulayimu ey'ensozi, ne bajja ne batuuka ku nnyumba ya Mikka.
- 14 Awo abasajja bataano abaagenda okuketta ensi ey'e Layisi ne baddamu ne bagamba baganda baabwe nti Mumanyi nga mu nnyumba zino mulimu ekkanzu, ne baterafi, n'ekifaananyi ekyole, n'ekifaananyi ekisaanuuse? kale nno mulowooze ekibagwanira okukola.
- 15 Ne bakyamira eyo, ne bajja ne batuuka ku nnyumba y'omuvubuka Omuleevi, ye nnyumba ya Mikka, ne bamubuuza bw'ali.
- 16 N'abasajja bali olukumi abeesiba ebyokulwanyisa ab'oku baana ba Ddaani baali bayimiridde ku mulyango gwa wankaaki.
- 17 N'abasajja abataano abaagenda okuketta ensi ne bambuka ne bayingira omwo, ne batwala ekifaananyi ekyole, n'ekkanzu, ne baterafi, n'ekifaananyi ekisaanuuse: ne kabona yali ayimiridde ku mulyango gwa wankaaki wamu n'abasajja bali olukaaga abeesiba ebyokulwanyisa.
- 18 Awo abo bwe baayingira mu nnyumba ya Mikka ne baggyamu ekifaananyi ekyole n'ekkanzu ne baterafi n'ekifaananyi ekisaanuuse, kabona n'abagamba nti Mukola ki?
- 19 Ne bamugamba nti Sirika, engalo zo oziteeke ku kamwa ko ogende naffe, obeere gye tuli kitaffe era kabona: kisinga obulungi ggwe okubeera kabona eri ennyumba y'omuntu omu, oba okuba kabona eri ekika n'ennyumba mu Isiraeri?

- 20 Omutima gwa kabona ne gusanyuka, n'atwala ekkanzu ne baterafi n'ekifaananyi ekyole, n'agenda wakati mu bantu.
- 21 Awo ne bakyuka ne beegendera; ne bakulembeza abaana abato n'ensolo n'ebintu.
- 22 Bwe baali balese ennyuma walako ennyumba ya Mikka, abasajja abaali mu nnyumba eziriraanye ennyumba ya Mikka ne bakuaana, ne batuuka ku baana ba Ddaani.
- 23 Ne bakoowoola abaana ba Ddaani. Ne bakyusa amaaso gaabwe ne bagamba Mikka nti Obadde otya okujja n'ekibiina ekyenkanidde wano?
- 24 N'ayogera nti Munziyeeko bakatonda bange be nnakola ne kabona ne mwegendera, nange nnina ki nate? kale mumbuuza mutya nti Obadde otya?
- 25 Abaana ba Ddaani ne bamugamba nti Eddoboozi lyo lireme okuwulirwa mu ffe, abasajja ab'obusungu baleme okubagwako, naawe n'ofa n'ab'omu nnyumba yo.
- 26 Abaana ba Ddaani ne beetambulira: awo Mikka bwe yalaba nga bamuyinze amaanyi n'akyuka n'addayo mu nnyumba ye.
- 27 Ne batwala ebyo Mikka bye yali akoze; ne kabona gwe yalina, ne batuuka e Layisi, eri abantu abaali basirise abatamanyiridde, ne babatta n'obwogi bw'ekitala; ekibuga ne bakyokya omuliro.
- 28 So tewaabaawo mulokozi, kubanga kyali wala We Sidoni, so tebassanga kimu na muntu yenna: era kyali mu kiwonvu ekiriraanye Besulekoku. Ne bazimba ekibuga ne batuula omwo.
- 29 Ne batuuma ekibuga erinnya lyakyo Ddaani, ng'erinnya lya Ddaani jjajjaabwe bwe lyali eyazaalirwa Isiraeri: naye erinnya ly'ekibuga lyali Layisi olubereberye.
- 30 Awo abaana ba Ddaani ne beesimbira ekifaananyi kiri ekyole: ne Yonasaani, mutabani wa Gerusomu, mutabani wa Musa, ye ne batabani be baali bakabona eri ekika ky'Abadaani okutuusa ku lunaku ensi lwe yanyagirwako.
- 31 Awo ne beesimbira ekifaananyi kya Mikka ekyole kye yakola, ennaku zonna ennyumba ya Katonda ng'ekyali mu Siiro.

Essuula 19

- 1 Awo olwatuuka mu nnaku ezo, nga tewali kabaka mu Isiraeri, ne wabaawo Omuleevi eyatuula emitala w'ensi ya Efulayimu ey'ensozi, eyaggya omuzaana mu Besirekemuyuda n'amuwasa.
- 2 Omuzaana we n'amusobyako ng'ayenda, n'amunobako n'agenda mu nnyumba ya kitaawe mu Besirekemuyuda, n'amalayo ebbanga lya myezi ena.
- 3 Bba nagolokoka n'amugoberera okumubuulira eby'ekisa, okumukomyawo, ng'alina omuddu we, n'endogoyi bbiri: n'amuyingiza mu nnyumba ya kitaawe: awo kitaawe w'omuwala bwe yamulaba, n'asanyuka okusisinkana naye.
- 4 Mukoddomi we, kitaawe w'omuwala, n'amulwisa; n'amalayo naye ennaku ssatu: bwe batyo ne balya ne banywa ne basula eyo.
- 5 Awo olwatuuka ku lunaku olw'okuna ne bagolokoka enkya mu makya, naye n'agolokoka okugenda: kitaawe w'omuwala n'agamba mukoddomi we nti Sanyusa omutima gwo n'akamere mulyoke mugende.
- 6 Awo ne batuula, ne balya ne banywa; bombi wamu: kitaawe w'omuwala n'agamba omusajja nti Nkwegayiridde, kkiriza osulewo; omutima gwo gusanyuke.
- 7 Omusajja n'agolokoka okugenda; naye mukoddomi we n'amwegayirira, n'asulayo nate.
- 8 N'agolokoka enkya mu makya ku lunaku olw'okutaano okugenda; kitaawe w'omuwala n'ayogera nti Sanyusa omutima gwo, nkwegayiridde, mubeere wano, okutuusa obudde lwe bunaawungeera; ne balya bombi.
- 9 Omusajja bwe yagolokoka okugenda, ye n'omuzaana we n'omuddu we, mukoddomi

we kitaawe w'omuwala n'amugamba nti Laba, kaakano obudde bunaatera okuwungeera, mbeegayiridde musule: laba obudde bugenda buziba, beera weno, omutima gwo gusanyuke; enkya mukeere okutambula, oddeyo eka.

- 10 Naye omusajja n'atakkiriza kusulayo, naye n'agolokoka n'atambula, n'atuuka emitala w'e Yebusi ye Yerusaalemi: era ng'alina endogoyi bbiri eziriko amatandiiko; era n'omuzaana we ng'ali naye.
- 11 Bwe baali bali kumpi ne Yebusi, obudde bwali buyitiridde nnyo; omuddu n'agamba mukama we nti Jjangu, nkwegayiridde, tukyame tuyingire mu kibuga kino eky'Abayebusi, tusule omwo.
- 12 Mukama we n'amugamba nti Tetuukyame kuyingira mu kibuga kya munnaggwanga, atali wa baana ba Isiraeri; naye tunaasomoka okugenda e Gibeaa.
- 13 N'agamba omuddu we nti Jjangu tusemberere ekimu ku kibuga ebyo; era tunaasula mu Gibeaa oba mu Laama.
- 14 Awo ne batambula ne bagenda; obudde ne bubazibirira nga bali kumpi ne Gibeaa, ekyaa Benyamini.
- 15 Ne bakyamira eyo, okuyingira okusula mu Gibeaa: n'ayingira n'atuula mu luguudo lw'ekibuga: kubanga tewaali muntu abayingiza mu nnyumba ye okubasuzaa.
- 16 Awo, laba, omukadde n'ajja ng'ava mu mirimu gye mu nnimiro akawungeezi; era omusajja oyo yali wa nsi ya Efulayimu ey'ensozi, yali atuula mu Gibeaa: naye abasajja ab'ekifo baali Babenyamini.
- 17 N'ayimusa amaaso ge, n'alaba omuyise oli mu luguudo lw'ekibuga; omukadde n'ayogera nti Ogenda wa? era ova wa?
- 18 N'amugamba nti Tuva mu Besirekemuyuda nga tugenda emitala w'ensi ya Efulayimu ey'ensozi; gye nnaava ne enda e Besirekemuyuda: ne kaakano enda mu nnyumba ya Mukama; so tewali muntu annyizingiza mu nnyumba ye.
- 19 Naye waliwo ebisasiro era n'ebyokulya eby'endogoyi zaffe; era waliwo emmere yange n'omwenge n'eby'omuzaana wo, n'eby'omuvubuka ali awamu n'abaddu bo: tetuliiko kye twetaaga.
- 20 Omukadde n'ayogera nti Emirembe gibe gy'oli; naye byonna bye weetaaga bibeere ku nze: kyokka temusula mu luguudo.
- 21 Awo n'amuyingiza mu nnyumba ye, n'endogoyi n'aziwa ebyokulya: ne banaaba ebigere byabwe, ne balya ne banywa.
- 22 Awo bwe baali nga beesanyusa emitima, laba, abasajja ab'omu kibuga, abaana ba Beriali, ne bazingiza ennyumba enjuyi zonna, nga bakoona ku luggi; ne boogera ne nannyini nnyumba, omukadde oli, nga bagamba nti Fulumya omusajja oyo ayingidde mu nnyumba yo tulyoke tumumanye.
- 23 Omusajja, nannyini nnyumba, n'abafulumira n'abagamba nti Nedda, baganda bange, mbeegayirira, temukola bubi obwenkanidde wano; kubanga omusajja ono ayingidde mu nnyumba yange, temukola kya busirusiru kino.
- 24 Laba, muwala wange wuuno, atamanyanga musajja, n'omuzaana we; abo be nnaafulumya kaakano, nammwe mubatoowaze, mubakole nga bwe munaalaba nga kirungi: naye omusajja ono temumukola kya busirusiru kyonna ekirianga ekyo:
- 25 Naye abasajja ne bagaana okumuwalira: awo omusajja n'akwata omuzaana we; n'amufulumya gye bali; ne bamumanya, ne bamwonoona okukeesa obudde: awo emmambya bwe yasala, ne bamuta.
- 26 Awo omukazi n'ajja obudde nga bukya, n'agwa ku luggi lw'ennyumba ey'omusajja omwali mukama we okutuusa obudde bwe bwakya.
- 27 Awo mukama we n'agolokoka enkya, n'aggulawo enzigi z'ennyumba, n'afuluma okwegendera: era, laba, omukazi omuzaana we yali agudde ku luggi lw'ennyumba, engalo ze nga ziri ku mulyango.

- 28 N'amugamba nti Golokoka tugende; naye nga tewali addamu: n'alyoka amutwalira ku ndogoyi; omusajja n'agolokoka n'agenda mu kifo kye.
- 29 Awo bwe yatuuka mu nnyumba ye, n'addira akambe, n'akwata omuzaana we, n'amusalamu, ng'amagumba ge bwe gali, ebitundu kkumi na bibiri, n'anmuweereza okubunya ensalo zonna eza Isiraeri:
- 30 Awo olwatuuka bonna abaalaba ekyo ne boogera nti Ekikolwa ekirianga kino tekikolebwanga so tekirabwanga okuva ku lunaku abaana ba Isiraeri lwe baayambukirako okuva mu nsi y'e Misiri okutuusa leero: mukirowooze, mukiteese, mwogere:

Essuula 20

- 1 Awo abaana ba Isiraeri bonna ne balyoka bafulumu, ekibiina ne kikuaana ng'omuntu omu, okuva ku Ddaani okutuuka ku Beeruseba, wamu n'ensi y'e Gireyaadi, eri Mukama e Mizupa.
- 2 Abakungu b'abantu bonna, ab'ebika byonna ebya Isiraeri, ne beeraga mu kkuaaniro ly'abantu ba Katonda, abasajja abatambula n'ebigere abaasowolanga ebitala obusiriivu buna.
- 3 (Era abaana ba Benyamini baali bawulidde ng'abaana ba Isiraeri bayambuse e Mizupa.) Abaana ba Isiraeri ne boogera nti Tubuulire, obubi buno bwakolebwa butya?
- 4 Awo Omuleevi bba w'omukazi gwe batta, n'addamu n'ayogera nti Natuuka e Gibe, ekyo Benyamini, nze n'omuzaana wange, okusulayo.
- 5 Abasajja ab'e Gibe ne bangolokokerako, ne bazingiza ennyumba enjuyi zonna mwe nnali ekiro; nze baali baagala okunzita, n'omuzaana wange baamukwata, era yafa.
- 6 Ne ntuala omuzaana wange, ne mmusalaasala ebitundu, ne mmuweereza okubunya ensi yonna ey'obusika bwa Isiraeri: kubanga baakola eky'obukaba era eky'obusirusiru mu Isiraeri.
- 7 Mulabe, mmwe abaana ba Isiraeri, mwenna, muleete amagezi gammwe muteese.
- 8 Abantu bonna ne bagolokoka ng'omuntu omu nga boogera nu Tewali muntu mu ffe aligenda mu weema ye, so tewali mu ffe alikyama okuyingira mu nnyumba ye.
- 9 Naye kaakano ekigambo kye tulikola e Gibe kye kino; tulyambuka okulwana nakyo nga tukubye akalulu;
- 10 era tuliggya abasajja kkumi ku buli kyasa okubunya ebika byonna ebya Isiraeri, era kikumi ku buli lukumi, era lukumi ku buli kakumi, okusakira abantu emmere, bwe balituuka e Gibe ekyo Benyamini balyoke bakole ng'obusirusiru bwonna bwe buli bwe baakolera mu Isiraeri.
- 11 Awo, abasajja bonna aba Isiraeri ne bakuaanira ku kibuga, nga beegaasse ng'omuntu omu.
- 12 Awo ebika bya Isiraeri ne batuma abantu okubunya ekika kyonna ekyo Benyamini nga boogera nti Bubi ki obwo obwakolebwa mu mmwe?
- 13 Kale kaakano muweeyo abasajja, abaana aba Beriali; abaali mu Gibe; tulyoke tubatte, tuggyemu obubi mu Isiraeri. Naye Benyamini n'agaana okuwulira eddobozi lya baganda baabwe abaana ba Isiraeri.
- 14 Awo abaana ba Benyamini ne bava mu kibuga ne bakuanira e Gibe, okugenda okutabaala abaana ba Isiraeri.
- 15 Abaana ba Benyamini ne bababala ku lunaku olwo abaava mu kibuga abasajja abasowolanga ebitala obukumi bubiri mu kakaaga, obutassaako abo abaatuula mu Gibe be baabala abasajja abalonde lusavvu.
- 16 Mu bantu bano bonna mwalimu abasajja abalonde aba kkono lusavvu; buli omu yayinza okuvuumuulira amayinja oluviiri, n'atasubwa:
- 17 Abasajja ba Isiraeri, obutassaako Benyamini, baababala abasajja abasowolanga

ebitala obusiriivu buna: abo bonna nga bazira.

- 18 Abaana ba Isiraeri ne bagolokoka, ne bayambuka e Beseri, ne babuuzza Katonda abal-agule; ne bagamba nti Ani alisooka okutwambukira okulwana: n'abaana ba Benyamini? Mukama n'ayogera nti Yuda ye alisooka.
- 19 Abaana ba Isiraeri ne bagolokoka enkya, ne basiisira ku Gibe.
- 20 Abasajja ba Isiraeri ne bafulumu okulwana ne Benyamini; abasajja ba Isiraeri ne basimba ennyiriri okulwanira nabo e Gibe.
- 21 Awo abaana ba Benyamini ne bava mu Gibe ne bamegga wansi ne bazikiriza ku lunaku olwo abasajja obukumi bubiri mu enkumi bbiri ku Baisiraeri.
- 22 Awo abantu, abasajja ba Isiraeri, ne beegumya emyoyo, ne basimba ennyiriri nate mu kifo mwe baali bazisimbide ku lunaku olw'olubereberye:
- 23 (Era abaana ba Isiraeri ne balinnya ne bakaabira amaziga mu maaso ga Mukama okutuusa akawungeezi; ne babuuzza Mukama nga boogera nti Naasembera nate okulwana n'abaana ba Benyamini muganda wange? Mukama n'ayogera nti Yambuka okulwana naye.)
- 24 Awo abaana ba Isiraeri ne basembera okulwana n'abaana ba Benyamini ku lunaku olw'okubiri.
- 25 Benyamini n'ava mu Gibe ku lunaku olw'okubiri okulwana nabo, ne bamegga wansi ne bazikiriza nate abasajja kakumi mu kanaana ku Isiraeri; abo bonna baasowolanga ebitala.
- 26 Awo abaana ba Isiraeri bonna n'abantu bonna ne balyoka balinnya ne batuuka e Beseri, ne bakaaba amaziga, ne batuula eyo mu maaso ga Mukama, ne basiiba ku lunaku olwo okutuusa akawungeezi; ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe mu maaso ga Mukama:
- 27 Abaana ba Isiraeri ne babuuzza Mukama, (kubanga ssanduuko ey'endagaano ya Katonda yaliyo mu nnaku ezo,
- 28 ne Finekaasi mutabani wa Eriyazaali mutabani wa Aloon yayimiriranga mu maaso gaayo mu nnaku ezo) nga boogera nti Naifuluma nate omulundi ogw'okusatu okulwana n'abaana ba Benyamini muganda wange nantiki naalekera awo? Mukama n'ayogera nti Yambuka, kubanga enkya naamugabula mu mukono gwo.
- 29 Awo Isiraeri n'assaawo abateezi okuteega Gibe enjuyi zonna.
- 30 Awo abaana ba Isiraeri ne bambuka okulwana n'abaana ba Benyamini ku lunaku olw'okusatu, ne basimba ennyiriri zaabwe nga boolekera Gibe ng'olulala.
- 31 Abaana ba Benyamini ne bafulumu okulwana n'abantu, ne basendebwasendebwa okuva ku kibuga; ne batanula okukuba n'okutta ku bantu ng'olulala, mu nguudo, olumu lwe lwambuka e Beseri, n'olulala e Gibe, ne mu nnimiro, abasajja ba Isiraeri ng'asatu.
- 32 Abaana ba Benyamini ne boogera nti Bameggeddwa mu maaso gaffe ng'olubereberye. Naye abaana ba Isiraeri ne boogera nti Tudduke, tubasendesende okuva ku kibuga bagende mu nguudo.
- 33 Abasajja ba Isiraeri bonna ne bagolokoka ne bava mu kifo kyabwe, ne basimba ennyiriri zaabwe mu Baalutamali: n'abateezi ba Isiraeri ne bafubutuka okuva mu kifo kyabwe, okuva mu Maalegeba.
- 34 Ne wayita okulwana ne Gibe abasajja abalondebwa mu Isiraeri yenna, kakumi, ne balwana nnyo: naye baali tebamanyi ng'akabi kabali kumpi.
- 35 Mukama n'akuba Benyamini mu msaso ga Isiraeri: abaana ba Isiraeri ku lunaku olwo ne bazikiriza ku Benyamini abasajja obukumi bubiri mu enkumi ttaano mu kikumi: abo bonna baasowolanga ebitala.
- 36 Awo abaana ba Benyamini ne balaba nga bakubiddwa: kubanga abasajja ba Isiraeri baasegulira Benyamini, kubanga baali beesize abateezi be baali bateezezza e Gibe.

- 37 Awo abateezi ne banguwa ne bafubutuka ku Gibe; abateezi ne basembera enjuyi zonna, ne batta ekibuga kyonna n'obwogi bw'ekitala.
- 38 Era akabonero abasajja ba Isiraeri n'abateezi ke baali balagaanye ke kano, bo akunyooosa ekire ekinene eky'omukka okuva mu kibuga.
- 39 Abasajja ba Isiraeri ne bakyuka mu lutalo, ne Benyamini n'atanula okukuba n'okutta ku basajja ba Isiraeri abasajja ng'asatu: kubanga baayogera nti Mazima bameggeddwa mu maaso gaffe nga mu lutabaalo olw'olubereberye.
- 40 Naye ekire bwe kyasooka okunyooka okuva mu kibuga ng'empagi y'omukka, Ababenyamini ne batunula ennyuma, era, laba, ekibuga kyonna nga kinyooka akutuusa mu ggulu.
- 41 Awo abasajja ba Isiraeri ne bakyuka, abasajja ba Benyamini ne bawuniikirira: kubanga baalaba ng'akabi kabatuuseeko.
- 42 Awo ne bakuba amabega mu maaso g'abasajja ba Isiraeri okugenda mu kkubo eridda mu ddungu; naye olutalo ne lubagoberera kumpi; nabo abaava mu bibuga ne babazikiriza wakati mu byo.
- 43 Ne bazingiza Ababenyamini enjuyi zonna, ne babayigganya, ne babalinnyirira mu bisulo byabwe, okutuusa emitala w'e Gibe ku luuyi lw'ebuvanjuba.
- 44 Ne wagwa ku Benyamini abasajja kakumi mu kanaana; abo bonna basajja bazira.
- 45 Ne bakyuka ne badduka mu kkubo ly'eddungu okutuuka ku jjinja lya Limoni: ne bafuuzza abaali badduse mu nguudo abasajja enkumi ttaano; ne babayigganya okutuuka e Gidomu, ne babattako abasajja enkumi bbiri.
- 46 Bwe batyo bonna abaagwa ku lunaku olwo ku Benyamini baali abasajja obukumi bubiri mu enkumi ttaano abaasowolanga ebitala; abo bonna basajja bazira:
- 47 Naye abasajja lukaaga ne bakyuka ne baddukira mu kkubo ly'eddungu ne batuuka ku jjinja lya Limoni, ne babeera mu jjinja lya Limoni okumalayo emyezi ena.
- 48 Abasajja ba Isiraeri ne bakyuka nate okulwana n'abaana ba Benyamini, ne babatta n'obwogi bw'ekitala, ekibuga kyonna era n'ente ne byonna bye baasanga: era n'ebibuga byonna bye baasanga ne babyokya.

Essuula 21

- 1 Era abasajja ba Isiraeri baali balayidde mu Mizupa nga boogera nti Tewabanga ku ffe alimuwa Benyamini omuwala we okumuwasa.
- 2 Abantu ne bajja e Beseri, ne batuula eyo okutuusa akawungeezi mu maaso ga Katonda, ne bayimusa amaloboozi gaabwe, ne bakaaba nnyo amaziga.
- 3 Ne boogera nti Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, kiki ekireese kino mu Isiraeri, leero ekika kimu okubula mu Isiraeri?
- 4 Awo olwatuuka enkya abantu ne bagolokoka mu makya, ne bazimba eyo ekyoto, ne bawaayo ebiwebwayo ebyokebwa n'ebwebwayo olw'emirembe.
- 5 Abaana ba Isiraeri ne boogera nti Aluwa mu bika byonna ebya Isiraeri atayambuka eri ekkuaanero eri Mukama? Kubanga baali balayidde ekirayiro ekikulu ku oyo atayambuka eri Mukama e Mizupa nga boogera nti Talirema kuttibwa:
- 6 Abaana ba Isiraeri ne bejjusa olwa Benyamini muganda waabwe ne boogera nti Waliwo ekika kimu leero ekyazikirizibwa mu Isiraeri.
- 7 Tulibalabira tutya abakazi abo abasigaddewo, kubanga twalayira Mukama obutabawanga ku bawala baffe okubawasa?
- 8 Ne boogera nti Kika ki ku bika bya Isiraeri ekitayambuka eri Mukama e Mizupa? Era, laba, mu Yabesugireyaadi temwava muntu okugenda mu lusiisira eri ekkuaanero.
- 9 Kubanga abantu bwe baabalibwa, laba, nga tewaliiwo ku abo abaatuula mu Yabesugireyaadi.

- 10 Ekibiina ne kitumayo abasajja kakumi mu enkumi bbiri ku abo abasinga obuzira, ne babalagira nga boogera nti Mugende mutte n'obwogi bw'ekitala abatuula mu Yabesugireyaadi, wamu n'abakazi n'abaana abato.
- 11 Na kino kye kigambo kye munaakola; munaazikiririza ddala buli musajja na buli mukazi eyali asuze n'omusajja.
- 12 Ne balaba mu abo abatuula mu Yabesugireyaadi abawala abato bina; abatamanyanga musajja okusula naye: ne babaleeta mu lusiisira e Siiro, ekiri mu nsi ya Kanani.
- 13 Awo ekibiina kyonna ne batuma ne boogera n'abaana ba Benyamini abaali mu jinja lya Limoni, ne babalangira emirembe.
- 14 Awo Benyamini n'akomawo mu biro ebyo; ne babawa abakazi be baali bawonyezza okubatta ku bakazi ab'e Yabesugireyaadi: era naye ne batabamala bwe batyo.
- 15 Abantu ne bejjusa olwa Benyamini, kubanga Mukama yali awagudde ekituli mu bika bya Isiraeri:
- 16 Awo abakadde b'ekibiina ne boogera nti Tulirabira tutya abakazi abo abasigaddewo; kubanga abakazi bazikirizibwa mu Benyamini?
- 17 Ne boogera nti Kigwana okubaawo obusika eri abo abaawona ku Benyamini, ekika kireme okusangulibwa mu Isiraeri.
- 18 Naye tetuyinza kubawa ku bawala baffe okubawasa: kubanga abaana ba Isiraeri baali balayidde nga boogera nti Akolimirwe oyo awa Benyamini omukazi okuwasa.
- 19 Ne boogera nti Laba, waliwo embaga ya Mukama buli mwaka mu Siiro, ekiri ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olw'e Beseri, ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'oluguudo oluva e Beseri olwambuka e Sekemu; ne ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olw'e Lebona.
- 20 Awo ne balagira abaana ba Benyamini nga boogera nti Mugende muteegere mu nsuku z'emizabbibu;
- 21 mutunule, era, laba, abawala ab'e Siiro bwe balifuluma okuzina mu mizannyo gyaffe, ne mulyoka muva mu nsuku, mukwate buli muntu mukazi we ku bawala ab'e Siiro, mugende mu nsi ya Benyamini.
- 22 Awo olulituuka bakitaabwe oba baganda baabwe bwe balijja okutuwoleza, ne tubagamba nti Mubatuwe lwa kisa: kubanga tetwabanyagira buli muntu mukazi we mu ntalo: so temwababawa; kaakano mwandizzizza omusango.
- 23 Awo abaana ba Benyamini ne bakola bwe batyo, ne beenyagira abakazi ku abo abaazina, ng'omuwendo gwabwe bwe gwali abo be baanyaga: ne baddayo mu busika bwabwe, ne bazimba ebibuga, ne batuula omwo.
- 24 Awo abaana ba Isiraeri ne bavaayo mu biro ebyo, buli muntu eri ekika kye n'eri ennyumba ye, ne bavaayo ne bagenda buli muntu mu busika bwe.
- 25 Mu nnaku ezo nga tewali kabaka mu Isiraeri: buli muntu yakolanga ekyabanga mu maaso ge ye ekirungi.

Luusi

Essuula 1

- 1 Awo olwatuuka mu nnaku abalamuzi ze baalamuliramu, enjala n'egwa mu nsi. Awo omusajja ow'e Besirekemuyuda n'agenda okutuula mu nsi ya Mowaabu, ye ne mukazi we, ne batabani be bombi.
- 2 N'erinnya ly'omusajja lyali Erimereki, n'erinnya lya mukazi we Nawomi, n'erinnya lya batabani be bombi Maloni ne Kiriyaoni, Abaefulaasi ab'e Besirekemuyuda. Ne batuuka mu nsi ya Mowaabu, ne babeera eyo.
- 3 Awo Erimereki bba Nawomi n'afa; naye n'asigalawo ne batabani be bombi.
- 4 Ne bawasa ku bakazi ba Mowaabu; erinnya ly'omu Olupa, n'erinnya ly'ow'okubiri Luusi: ne bamalayo emyaka nga kkumi.
- 5 Awo Maloni ne Kiriyaoni ne bafa bombi; omukazi n'afiirwa abaana be bombi ne bba.
- 6 Awo n'alyoka agolokoka ne baka baana be, addeyo ng'ava mu nsi ya Mowaabu: kubanga yali awulidde ng'ali mu nsi ya Mowaabu nga Mukama bwe yajjira abantu be ng'abawa emmere.
- 7 N'ava mu kifo mwe yali, ne baka baaaa be bombi wamu naye; ne batambula mu kkubo okuddayo mu nsi ya Yuda.
- 8 Awo Nawomi n'agamba baka baana be bombi nti Mugende muddeyo buli omu ku mmwe mu nnyumba ya nnyina: Mukama abakole eby'ekisa, nga mmwe bwe mwakola abaafa era nange.
- 9 Mukama abawe okulaba okuwummula, buli omu ku mmwe mu nnyumba ya bba. N'alyoka abanywegera; ne bayimusa eddoozi lyabwe, ne bakaaba amaziga.
- 10 Ne bamugamba nti Nedda; naye tuliddayo naawe eri abantu bo.
- 11 Nawomi n'agamba nti Mukyuke nate, baana bange: kiki ekibaagaza okugenda nange? nkyalina abaana mu lubuto lwange babeere babbammwe?
- 12 Mukyuke nate, baana bange, mweddireyo; kubanga nkaddiye mpitiridde okuba n'omusajja. Bwe nnaayogera nti Nsubira, newakubadde nga mbeera n'omusajja ekiro kino, era ne nzaala abaana ab'obulenzi;
- 13 kale mwandibalindiridde okukula? kyemuliva muleka okuba n'abasajja? nedda, baana bange; kubanga nnumwa nnyo ku lwammwe, kubanga omukono gwa Mukama gwafulumu okulwana nange.
- 14 Ne bayimusa eddoozi lyabwe, ne bakaaba nate amaziga: Olupa n'anywegera nnyazaala we; naye Luusi ne yeegata naye.
- 15 N'ayogera nti Laba, muggya wo azzeeyo eri abantu be n'eri katonda we: naawe ddayo ogoberere muggya wo.
- 16 Awo Luusi n'ayogera nti Tonneegayirira kukuleka, n'okuddayo obutakugoberera: kubanga gy'onoogendanga, gye nnaagendanga nze: era gy'onoosulanga, gye nnaasulanga nze: abantu bo be banaabanga abantu bange, era Katonda wo Katonda wange:
- 17 gy'olifiira, nze gye ndifiira, era gye balinzika: Mukama ankole bw'atyo era n'okusingawo, oba ng'ekigambo kyonna kiritwawukanya ggwe nange wabula okufa.
- 18 Awo bwe yalaba ng'amaliridde okugenda naye, n'aleka okwogera naye.
- 19 Awo abo bombi ne batambula okutuusa lwe baatuuka e Besirekemu. Awo olwatuuka bwe baamala okutuuka e Besirekemu, ekibuga kyonna ne kisasamala ku lwabwe, abakazi ne boogera nti Ono Nawomi?
- 20 N'abagamba nti Temumpita Nawomi, naye mumpite Mala: kubanga Omuyinza w'ebintu byonna yankola ebikaawa ennyo.
- 21 Nnava wano nga njjudde, era Mukama ankomezzaawo ewattu nga sirina kantu: kiki ekibampisa Nawomi, kubanga Mukama yategeeza ku nze, era Omuyinza w'ebintu

byonna yambonyaabonya?

- 22 Bwe batyo Nawomi n'akomawo, ne Luusi Omumowaabu, muka mwana we, wamu naye, eyakomawo okuva mu nsi ya Mowaabu: ne batuuka e Besirekemu nga kyebajje bakungule sayiri.

Essuula 2

- 1 Era Nawomi yalina muganda wa bba, omusajja ow'amaanyi omugagga, ow'omu nnyumba ya Erimereki; n'erinnya lye Bowaazi.
- 2 Awo Luusi Omumowaabu n'agamba Nawomi nti Ka ende kaakano mu nnimiro, nnonde ku birimba bya sayiri nga ngoberera oyo anankwatirwa ekisa. N'amugamba nti Genda, mwana wange.
- 3 N'agenda, n'ajja n'alonda mu nnimiro abakunguzi we bayise: era olwatuuka n'asanga ekitundu ky'ennimiro ekya Bowaazi, eyali ow'omu kika kya Erimereki.
- 4 Era, laba, Bowaazi n'ava e Besirekemu n'agamba abakunguzi nti Mukama abeere nammwe. Ne bamuddamu nti Mukama akuwe omukisa.
- 5 Awo Bowaazi n'agamba omuddu we eyali akunguza abakunguzi nti Omuwala ono w'ani?
- 6 Omuddu eyali akunguza abakunguzi n'addamu n'ayogera nti Ono ye muwala Omumowaabu eyakomawo ne Nawomi okuva mu nsi ya Mowaabu:
- 7 n'ayogera nti Nnonde, mbeegayiridde, nkuaanye abakunguzi we bayise mu binywa: awo n'ajja, era asiibye wano obw'enky'a okutuusa kaakano, wabula ng'ayingiddeko mu nnyumba katono.
- 8 Awo Bowaazi n'alyoka agamba Luusi nti Towulira mwana wange? Togendanga kulonda mu nnimiro endala, so tovanga wano, naye obeeranga wano kumpi; n'abawala bange.
- 9 Amaaso go gabe ku nnimiro, gye banaakungulanga, naawe obagobererenga: sikuu-tidde balenzi obutakukomangako era ennyonta bw'eneekulumanga, ogendanga awali ensuwa, n'onywa ku ago abalenzi ge basenye.
- 10 Awo n'avuunama amaaso ge, n'akutama, n'amugamba nti Kiki ekindabizza ekisa mu maaso go, ggwe okunnekaanya nze kubanga ndi munnaggwanga?
- 11 Bowaazi n'addamu n'amugamba nti Bambuulirira ddala byonna bye waakakoze nnyazaala wo balo kasooka afa: era bwe waleka kitaawo ne nnyoko n'ensi gye waza-alirwamu, n'ojja mu bantu be wali tomanyiiko.
- 12 Mukama akusaulire emirimu gyo, era oweebwe empeera etebulako Mukama Katonda wa Isiraeri, gwe weeyuna wansi w'ebiwawaatiro bye.
- 13 Awo n'ayogera nti Ndabe ekisa mu maaso go, mukama wange; kubanga onsanyusizza, era kubanga oyogedde n'omuzaana wo eby'ekisa, newakubadde nga siri ng'omu ku bazaana bo.
- 14 Awo obudde bwe bwatuuka okulya Bowaazi n'amugamba nti Jjangu olye ku mmere okoze ennoga yo omwenge omukaatuufu. N'atuula ku mabbali g'abakunguzi: ne bamuwa sayiri ensiike, n'alya n'akkuta n'alemwa.
- 15 Awo bwe yagolokoka okulonda, Bowaazi n'alagira abalenzi be ng'ayogera nti Alonde ne mu binywa so temumuvumanga.
- 16 Era mumoolereko ne mu miganda, mugireke, alonde so temumuwuunako.
- 17 Awo n'alonda mu nnimiro n'azibya obudde: n'awuula ze yali alonze, ne ziba nga efa eya sayiri.
- 18 N'agyetikka, n'ayingira mu kibuga: nnyazaala we n'alaba z'alonze: n'aleeta n'amuwa eyasigaddewo bwe yamala okukkuta.
- 19 Awo nnyazaala we n'amugamba nti Olonze wa leero? era okoze wa emirimu?

- aweebwe omukisa oyo akwekkaanyizza. N'ategeeza nnyazaala we oyo bwe yali gw'akoze naye, n'ayogera nti Omusajja gwe nkoze naye leero erinnya lye Bowaazi.
- 20** Nawomi n'agamba muka mwana we nti Aweebwe Mukama omukisa, atannaleka kisa kye eri abalamu n'eri abaafa. Nawomi n'amugamba nti Omusajja oyo muganda waffe ddala, omu ku banunuzi baffe.
- 21** Luusi Omumowaabu n'ayogera nti Weewaawo, aambye nti Onoobeeranga kumpi n'abalenzi bange, okutuusa lwe balimala eby'okukungula byange byonna.
- 22** Awo Nawomi n'agamba Luusi muka mwana we nti Kirungi, mwana wange, oyitenga wamu n'abazaana be, so baleme okukusiaana mu nnimiro endala yonna.
- 23** Awo n'abeeranga kumpi n'abazaana ba Bowaazi okulondanga okutuusa bwe baamala amakungula ga sayiri n'amakungula g'eaano; n'atuula ne nnyazaala we.

Essuula 3

- 1** Awo Nawomi nnyazaala we n'amugamba nti Mwana wange, siikunoonyeze kuwum-mula, obe bulungi?
- 2** Era kaakano Bowaazi muganda waffe taliiwo gye wabeeranga n'abazaana be? Laba, awewa sayiri ekiro kino mu gguuliro.
- 3** Kale naaba osaabe amafuta, oyambale ebyambalo byo, oserengete mu gguuliro: naye teweetegeeza eri omusajja oyo okutuusa lw'anaamala okulya n'okunywa.
- 4** Awo olunaatuuka bw'anaagalamira, wekkaanye ekifo mw'anaagalamira, naawe n'oyingira n'obikkula ebigere bye, n'ogalamira; naye anaakubuulira bw'onookola.
- 5** N'amugamba nti Byonna by'oyogedde naabikola.
- 6** N'aserengeta mu gguuliro, n'akola nga byonna bwe bibadde nnyazaala we by'amulagidde.
- 7** Awo Bowaazi bwe yamala okulya n'okunywa, omutima gwe nga gusanyuse, n'agenda okugalamira ku mabbali g'entuumo y'eaano: n'ajja ng'asooba, n'abikkula ku bigere bye n'agalamira.
- 8** Awo olwatuuka mu tumbi omusajja n'atya ne yeekyusa era, laba, omukazi ng'agalamidde ku bigere bye.
- 9** N'ayogera nti Ggwe ani? N'addamu nti Nze Luusi omuzaana wo: kale bikka ekyambalo kyo ku muzaana wo; kubanga oli mununuzi wange.
- 10** N'ayogera nti Oweebwe Mukama omukisa, mwana wange: olaze ekisa ekisinga obungi enkomerero okukira olubereberye, kubanga togobereranga balenzi, oba baavu oba bagagga.
- 11** Ne kaakano, mwana wange, totya; naakukola byonna by'oyogera: kubanga ekibuga kyonna eky'abantu bange bamanyi ng'oli mukazi mwegendereza.
- 12** Era kaakano kya mazima nga nze mununuzi wo: naye waliwo omulala ansinga nze oluganda.
- 13** Beera wano ekiro kino, awo olunaatuuka enkya bw'anaakukolera emirimu egy'oluganda, kale, akole emirimu egy'oluganda: naye bw'atakkirize kukukolera mirimu gya luganda, kale nze ndikukolera emirimu egy'oluganda, nga Mukama bw'ali omulamu: galamira okeese obudde.
- 14** N'agalamira ku bigere bye okukeesa obudde: n'agolokoka omuntu nga tannayinza kwekkaanya munne. Kubanga yayogera nti Kireme okumanyibwa ng'omukazi ono azze mu gguuliro.
- 15** N'ayogera nti Leeta omunagirowo gw'oyambadde, ogukwate; n'agukwata: n'agera ebigerero mukaaga ebya sayiri, n'abimutikka: n'agenda mu kibuga.
- 16** Awo bwe yatuuka eri nnyazaala we, n'ayogera nti Ggwe ani, mwana wange? N'amubuulira byonna omusajja by'amukoledde.

- 17 N'amugamba nti Ebigero bino omukaaga ebya sayiri abimpadde; kubanga ayogedde nti Togenda eri nnyazaala wo nga tolina kantu.
- 18 N'alyoka agamba nti Tuula ng'osirika, mwana wange, okutuusa lw'olimanya ebigambo gye birikkira; kubanga omusajja oyo tajja kuwummula okutuusa lw'anaamalawo ekigambo kino leero.

Essuula 4

- 1 Awo Bowaazi n'ayambuka eri omulyango, n'atuula eyo: era, laba, muganda we oyo Bowaazi gw'ayogeddeko n'ayitawo; n'amugamba oyo nti Owange, gundi! kyama otuule wano. N'akyama n'atuula.
- 2 N'atwala abasajja kkumi ku bakadde b'ekibuga n'ayogera nti Mutuule wano. Ne batuula.
- 3 N'agamba muganda w'omukazi nti Nawomi eyakomawo okuva mu nsi ya Mowaabu, atunda ekibanja ekyali ekya muganda waffe Erimereki:
- 4 era mbadde ndowooza okukutegeeza nga njogera nti Kigulire mu maaso g'abo abatuula wano, ne mu maaso g'abakadde b'abantu bange. Bw'oyagala okukinunula, kinunule: naye bw'otoyagala kukinunula, kale mbuulira mmanyee: kubanga tewali anaakinunula wabula ggwe; nange nze nkuddirira. N'ayogera nti Ndikinunula.
- 5 Awo Bowaazi n'ayogera nti Bw'oligula enimiro mu mukono gwa Nawomi, kirikugwanira ne Luusi Omumowaabu, mukazi w'oyo eyafa, okukuguza, okuddizaawo obusika bwe erinnya ly'oyo eyafa.
- 6 Muganda w'omukazi oyo n'ayogera nti Siyinja kukyenunulira nzekka, nneme okwonoona obusika bwange nze: ggwe weetwalire okununula kwange okwo: kubanga nze siyinja kukinunula.
- 7 Era eno ye yali empisa edda mu Isiraeri ey'okununula n'okuwaanyisa, okunyweza ebigambo byonna; omusajja yanaanulanga engatto ye, n'agiwa munne: n'okwo kwabanga bujulirwa mu Isiraeri.
- 8 Awo muganda w'omukazi oyo n'ayogera nti Kyegulire. N'anaanula engatto ye.
- 9 Bowaazi n'agamba abakadde n'abantu bonna nti Muli bajulirwa leero, nga nguze byonna ebyali ebya Erimereki, ne byonna ebyali ebya Kiriyoni n'ebya Maloni, mu mukono gwa Nawomi.
- 10 Era Luusi Omumowaabu mukazi wa Maloni mmuguze okuba mukazi wange, okuddizaawo obusika bwe erinnya ly'oyo eyafa, erinnya ly'oyo eyafa lireme okuzikirira mu baganda be ne mu mulyango gw'ekifo kye: mmwe muli bajulirwa leero.
- 11 Awo abantu bonna abaali mu mulyango n'abakadde ne boogera nti Ffe tuli bajulirwa. Mukama afaananye omukazi azze mu nnyumba yo nga Laakeeri ne Leeya, abaazimba bombi ennyumba ya Isiraeri: naawe okole ebisaana mu Efulasa, oyatiikirire mu Besirekemu:
- 12 n'ennyumba yo ebeere ng'ennyumba ya Preezi; Tamali gwe yazaalira Yuda, olw'ezzadde Mukama ly'alikuweera mu mukazi ono omuvubuka.
- 13 Awo Bowaazi n'atwala Luusi, naye n'amufunbirwa; n'ayingira gy'ali, Mukama n'amuwa olubuto, n'azaala omwana wa bulenzi.
- 14 Abakazi ne bagamba Nawomi nti Mukama yeebazibwe, atakulese leero nga tolina mununuzi wo, era erinnya lye lyatiikirire mu Isiraeri.
- 15 Era alibeera gy'oli akomyawo obulamu era aliisa obukadde bwo: kubanga muka mwana wo akwagala, akusanyusa okusinga abaana ab'obulenzi omusanvu, abaamuzaaliddwa.
- 16 Awo Nawomi n'atwala omwana, n'amuwambaatira mu kifuba kye, n'aba omulezi we.
- 17 Abakazi baliraanwa be ne bamutuuma erinnya nga boogera nti Nawomi azaaliddwa

omwana wa bulenzi; ne bamutuuma erinnya Obedi: oyo ye kitaawe wa Yese, kitaawe wa Dawudi.

- 18** Era kuno kwe kuzaala kwa Preezi: Preezi yazaala Kezulooni;
- 19** Kezulooni n'azaala Laamu; Laamu n'azaala Amminadaabu;
- 20** Amminadaabu n'azaala Nakusoni; Nakusoni n'azaala Salumooni;
- 21** Salumooni n'azaala Bowaazi; Bowaazi n'azaala Obedi;
- 22** Obedi n'azaala Yese; Yese n'azaala Dawudi.

1 Samwiri

Essuula 1

- 1 Awo waaliwo omusajja ow'e Lamasaimuzofimu, eky'omu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, erinnya lye Erukaana, mutabani wa Yerokamu, mutabani wa Eriku, mutabani wa Toku, mutabani wa Zufu, Omwefulayimu:
- 2 era yalina abakazi babiri; omu erinnya lye nga ye Kaana, n'omulala erinnya lye nga ye Penina: era Penina yalina abaana, naye Kaana teyalina baana.
- 3 Awo omusajja oyo yavanga mu kyalo kye buli mwaka n'alinnya okusinza n'okuweerayo mu Siiro ssaddaaka eri Mukama ow'eggye. Ne batabani ba Eri bombi, Kofuni ne Finekaasi, bakabona eri Mukama, baali eyo.
- 4 Awo olunaku bwe lwatuuka Erukaana kwe yaweerayo ssaddaaka, n'awa emigabo Penina mukazi we ne batabani be ne bawala be:
- 5 naye n'awa Kaana emigabo ebiri: kubanga yamwagala Kaana, naye Mukama yali aggalidde olubuto lwe.
- 6 Muggya we n'amusunguwaza nnyo okumweraliikiriza, kubanga Mukama yali aggalidde olubuto lwe.
- 7 Awo musajja we bwe yakolanga bw'atyo buli mwaka, ye bwe yalinyanga okugenda mu nnyumba ya Mukama, n'amusunguwaza bw'atyo; kyeyava akaaba amaziga n'agaana okulya.
- 8 Awo Erukaana musajja we n'amugamba nti Kaana, okaabira ki? kiki ekikulobera okulya? n'omutima gwo kiki ekigweraliikiriza? nze sisinga baana kkumi gy'oli obulungi?
- 9 Awo Kaana n'agolokoka nga bamaze okulya mu Siiro, era nga bamaze okunywa. Awo Eri kabona yali ng'atudde ku ntebe ye awaali omufuubeeto ogw'omu yeekaalu ya Mukama.
- 10 N'omwoyo gwe gwali nga gumuluma, n'asaba Mukama, n'akaaba nnyo amaziga.
- 11 Ne yeeyama obweyamo n'ayogera nti Ai Mukama ow'eggye, bw'oliba ng'otunuulidde ennaku omuzaana wo z'alabye, n'onjjukira n'oteerabira muzaana wo, naye n'owa omuzaana wo omwana ow'obulenzi, awo ndimuwa Mukama ennaku zonna ez'obulamu bwe, so n'akamwano tekaliyita ku mutwe gwe:
- 12 Awo olwatuuka, bwe yeeyongerera okusaba mu maaso ga Mukama, Eri ne yekkaanya akamwa ke.
- 13 Era Kaana yayogera mu mwoyo gwe; emimwa gye gye gyatoobera, naye eddoboosi lye teryawulikika. Eri kyeyava alowooza nti atamidde.
- 14 Eri n'amugamba nti Olituusa wa okutamiiranga? weggyeeko omwenge gwo.
- 15 Kaana n'addamu n'ayogera nti Nedda, mukama wange, nze ndi mukazi alina emwoyo ogunakuwadde: sinywedde mwenge newakubadde ekitimiiza, naye nfuse ebiri mu mmeeme yange mu maaso ga Mukama.
- 16 Toyita muzaana wo muwala wa Beriali: kubanga mu kwemulugunya kwange okusukkiridde ne mu kunyiiga kwange mwe nnyimye okwogera okutuusa kaakano.
- 17 Awo Eri n'addamu n'ayogera nti Genda mirembe: era Katonda wa Isiraeri akuwe ebyo by'omusabye.
- 18 N'ayogera nti omuzaana wo alabe ekisa mu maaso go. Awo omukazi ne Yeddirayo, n'alya, amaaso ge ne gatatokooterera lwa kubiri.
- 19 Awo ne bagolokoka enkya mu makya, ne basinza mu maaso ga Mukama ne baddayo eka, ne batuuka mu nnyumba yaabwe mu Laama: Erukaana n'amanya Kaana mukazi we; Mukama n'amujjukira.
- 20 Awo olwatuuka ebiro bwe byatuuka Kaana n'aba olubuto nazaala omwana wa bulenzi;

- n'amutuuma erinnya lye Samwiri, nti Kubanga namusaba eri Mukama.
- 21 Omusajja Erukaana n'ennyumba ye yonna ne balinnya okuwaayo ssaddaaka eya buli mwaka eri Mukama n'obweyamo bwe.
 - 22 Naye Kaana n'atalinnya; kubanga Yagamba bba nti Sijja kulinyayo okutuusa omwana lw'aliva ku mabeere, ne ndyoka mmutwala alabike mu maaso ga Mukama, abeerenga eyo ennaku zonna.
 - 23 Erukaana bba n'amugamba nti Kola nga bw'osiima; beera awo okutuusa lw'olimala okumuggya ku mabeere; kyokka Mukama anyweze ekigambo kye. Awo omukazi n'abeera awo n'ayonsa omwana okutuusa lwe yamuggya ku mabeere.
 - 24 Awo bwe yamala okumuggya ku mabeere, n'amutwala n'agenda naye n'alinnya, ng'alina ente ssatu, ne efa emu ey'obutta, n'ekita eky'omwenge, n'amutwala mu nnyumba ya Mukama mu Siiro: era omwana yali muto.
 - 25 Ne batta ente ne baleetera Eri omwana.
 - 26 N'amugamba nti Ai mukama wange, nga bw'oli omulamu, mukama wange, nze ndi nukazi oyo eyayimirira w'oli wano, nga nsaba Mukama.
 - 27 Omwana ono gwe nnasaba; era Mukama yampa ebyo bye nnamusaba;
 - 28 nange kyenvudde mmuwaayo eri Mukama; ng'akyali mulamu aweereddwayo eri Mukama. Ye n'asinziza Mukama eyo.

Essuula 2

- 1 Kaana n'asaba n'ayogera nti Omutima gwange gujaguliza Mukama, Ejjembe lyange ligulumizibwa mu Mukama: Akamwa kange kagaziye ku balabe bange; Kubanga nsanyukira obulokozi bwo.
- 2 Tewali mutukuvu nga Mukama; Kubanga tewali mulala wabula ggwe: So tewali lwazi olulianga Katonda waffe.
- 3 Temwogeranga nate bya kyejo kingi ekyenkanidde awo; Eby'amalala tebivanga mu kamwa kammwe: Kubanga Mukama Katonda wa kumanya, N'oyo ye apima ebikolwa.
- 4 Emitego egy'abazira gimenyese. N'abo abeesittalanga beesibye amaanyi.
- 5 Abakkutanga bapakasizza olw'emmere; N'abo abaalumwanga enjala bakomye weewaawo, omugumba azadde musanvu; N'oyo alina abaana abangi ayongobera.
- 6 Mukama atta n'alamya: Aserengesa mu magombe n'alinyisa okuvaayo.
- 7 Mukama ayavuwaza era agaggawaza: Assa wansi, era ye agulumiza.
- 8 Ayimusa abaavu okubaggya mu nfuufu, Asitula abeetaaga okubaggya mu lubungo, Okubatuuza awamu n'abalangira, Basikire entebe ey'ekitiibwa: Kubanga empagi z'ensi za Mukama, Era yateeka ebintu byonna okwo.
- 9 Alikuuma ebigere by'abatukuvu be, Naye ababi balisirisibwa mu kizikiza; Kubanga tewaliba muntu alisinga olw'amaanyi.
- 10 Abawakana ne Mukama balimenyekamenyeka; Alibwatuka ku bo ng'ayima mu ggulu: Mukama alisala omusango gw'enkomerero z'ensi; Era alimuwa kabaka we amaanyi, N'agulumiza ejjembe ly'oyo gwe yafukako amafuta.
- 11 Awo Erukaana n'agenda e Lama mu nnyumba ye. Omwana n'aweereza Mukama mu maaso ga Eri kabona.
- 12 Awo batabani ba Eri baali baana ba Beriali; tebaamanya Mukama.
- 13 N'empisa bakabona gye baayisanga eri abantu yali bw'eti; omuntu yenna bwe yawangayo ssaddaaka, omuddu wa kabona n'ajja, nga bakyafumba ennyama, ng'alina ekkato ery'amannyo asatu mu ngalo ze;
- 14 n'akisoya mu nsaka oba bbinika oba ntamu oba sufuliya; byonna ekkato bye lyaleetanga kabona n'abitwalanga n'eryo. Bwe batyo bwe baakoleranga mu Siiro Abaisiraeri

bonna abajjangayo.

- 15 Weewaawo, nga tebannaba kwokya masavu, omuddu wa kabona n'ajjanga, n'agamba omusajja eyali awaayo ssaddaaka nti Mpa ennyama okwokera kabona; kubanga tayagala omuwe ennyama enfumbe wabula embisi.
- 16 N'omusajja bwe yamugambanga nti Tebaaleme kwokya masavu mangu ago, n'olyoka otwala ng'emmeeme yo bw'eyagala; awo n'ayogeranga nti Nedda, naye onoogimpa kaakano: era bw'onoogaana, n'agitwala lwa maanyi.
- 17 Ekibi eky'abalenzi abo ne kiba kinene nnyo mu maaso ga Mukama: kubanga abantu ne batamwa ekiweebwayo eri Mukama.
- 18 Naye Samwiri n'aweerezanga mu maaso ga Mukama, nga mwana muto nga yeesi-bye ekkanzu eya bafuta.
- 19 Era nnyina n'amutungiranga akanagiro n'akamuleeteranga buli mwaka, bwe yalinnyanga awamu ne bba okuwaayo ssaddaaka eya buli mwaka.
- 20 Eri n'amusabira omukisa Erukaana ne mukazi we, n'ayogera nti Mukama akuwe ezzadde mu mukazi ono olw'ekyo kye yayazika Mukama. Ne baddayo ewaabwe eka.
- 21 Awo Mukama n'ajjira Kaana n'aba olubuto n'azaala abaana ab'obulenzi basatu n'ab'obuwala babiri. Omwana Samwiri n'akulira mu maaso ga Mukama.
- 22 Awo Eri yali akaddiye nnyo; n'awulira byonna batabani be bye baakolanga Abaisiraeri bonna era bwe baasulanga n'abakazi abaaweerezanga ku mulyango gw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 23 N'abagamba nti Kiki ekibakoza ebifaanana bwe bityo? kubanga abantu bano bonna bambuulira ebikolwa byammwe ebibi.
- 24 Nedda, baana bange; kubanga bye mpulira si birungi n'akatono: mwonoonyesa eggwanga lya Mukama.
- 25 Omuntu bw'asobya ku munne, Katonda alimusalira omusango: naye omuntu bw'asobya ku Mukama, alimwegayiririra ani? Naye ne batawulira ddooboozi lya kitaabwe, kubanga Mukama yali ayagala okubatta.
- 26 Omwana Samwiri ne yeeyongeranga okukula, n'aba muganzi wa Katonda era n'abantu.
- 27 Awo ne wajja omusajja wa Katonda eri Eri, n'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Neebikkulira ekika kya kitaawo, bwe baali mu Misiri nga basibiddwa mu nnyumba ya Falaawo?
- 28 Era namuggya mu bika byonna ebya Isiraeri ne mmulonda okuba kabona wange, n'okulinnyanga ku kyoto kyange, okwotezanga obubaane, okwambalanga ekkanzu mu maaso gange? ne mpa ekika kya kitaawo ebiweebwayo byonna eby'abaana ba Isiraeri ebikolebwa n'omuliro?
- 29 Lwaki mmwe okusambira ssaddaaka yange n'ekiweebwayo gye ndi, bye nnalagira mu nnyumba yange, n'ossaamu ekitiibwa batabani bo okukira nze, mmwe okwesavuwaza n'ebisinga obulungi mu ebyo byonna Isiraeri abantu bange bye bawaayo?
- 30 Mukama, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera nti Okwogera nayogera ng'ekika kyo n'ekika kya kitaawo kinaatambuliranga mu maaso gange ennaku zonna: naye kaakano Mukama ayogera nti Kiddire eri; kubanga abo abanzisaamu ekitiibwa bennasangamu ekitiibwa, n'abo abannyooma tebaabayitengamu ka buntu.
- 31 Laba, ennaku zijja, lwe ndisalako omukono gwo n'omukono gw'ennyumba ya kitaawo, waleme okuba omukadde mu nnyumba yo.
- 32 Era olitunuulira ennyumba yange ng'ebonyaabonyezebwa mu birungi byonna Katonda by'aliwa Isiraeri: so teaabenga mukadde mu nnyumba yo ennaku zonna.
- 33 N'omusajja wo gwe ssiizikirizenga okumuggya ku kyoto kyange anaabanga wa kumalawo amaaso go n'okunakuwaza omwoyo gwo: n'ezzadde lyonna ery'ennyumba yo banaafanga nga kyebajje bavubuke.
- 34 Era kano ke kaliba akabonero gy'oli akalituuka ku batabani bo bombi, Kofuni ne

Finekaasi; bombi balifa ku lunaku lumu.

- 35** Nange ndyeyimusiza kabona omwesigwa anaakolanga ng'ebyo bwe biri ebiri mu mutima gwange ne mu mmeeme yange: era ndimuzimbira ennyumba eyenkalakkalira; era anaatambuliranga ennaku zonna mu maaso g'oyo gwe ndifukako amafuta.
- 36** Awo olulituuka, buli alisigala mu nnyumba yo alijja n'amuvuunamira olw'ekitundu ky'effeeza n'omugaati gumu, n'ayogera nti Mpa obumu ku bwami bwa bakabona, nkwegayiridde, ndyoke ndye ku kamere.

Essuula 3

- 1** Awo omwana Samwiri n'aweererezanga Mukama mu maaso ga Eri. N'ekigambo kya Mukama kyali kya muwendo mungi mu nnaku ezo; tewaabaagawo kwolesebwa kwa lwatu.
- 2** Awo olwatuuka mu biro ebyo, Eri ng'agalamidde mu kifo kye, (n'amaaso ge gaali gatanudde okuyimbaala n'atayinza kulaba,)
- 3** n'ettabaaza ya Katonda nga tennazikira, ne Samwiri ng'agalamidde okwebaka mu yeekaalu ya Mukama omwali ssanduuko ya Katonda;
- 4** awo Mukama n'ayita Samwiri: n'ayogera nti Nze nzuuno.
- 5** N'addukana mbiro n'ajja eri Eri n'ayogera nti Nze nzuuno; kubanga ompise. N'ayogera nti Sikuyise; galamira nate. N'agenda, n'agalamira.
- 6** Mukama n'amuyita nate olw'okubiri nti Samwiri. Samwiri n'agolokoka n'agenda eri Eri n'ayogera nti Nze nzuuno; kubanga ompise. N'addamu nti Sikuyise, mwana wange; galamira nate.
- 7** Era Samwiri yali tannamanya Mukama, so n'ekigambo kya Mukama kyali tekinnamubikkulirwa.
- 8** Mukama n'ayita Samwiri nate omulundi ogw'okusatu. N'agolokoka n'agenda eri Eri n'ayogera nti Nze nzuuno; kubanga ompise. Awo Eri n'ategeera nga Mukama ye ayise omwana.
- 9** Eri kyeyava agamba Samwiri nti Genda ogalamire: awo olunaatuuka, bw'anaaba ng'akuyise, n'oyogera nti Yogera, Mukama wange; kubanga omuddu wo awulira. Awo Samwiri n'agenda n'agalamira mu kifo kye.
- 10** Mukama n'ajja n'ayimirira n'ayita ng'olulala nti Samwiri, Samwiri. Awo Samwiri n'ayogera nti Yogera; kubanga omuddu wo awulira.
- 11** Mukama n'agamba Samwiri nti Laba, ndikola ekigambo mu Isiraeri ekiryamiriza amatu gombi aga buli muntu alikiwulira.
- 12** Ku lunaku olwo ndituukiriza ku Eri byonna bye nnaakayogera ku nnyumba ye, okuva ku lubereberye okutuusa ku nkomeraro.
- 13** Kubanga namugamba nga ndisalira ennyumba ye omusango ogw'ennaku zonna, olw'obutali butuukirivu bwe yamanya, kubanga batabani be beereetako ekikolimo, ye n'atabaziyiza.
- 14** Kyenvudde ndayirira ennyumba ya Eri ng'obutali butuukirivu obw'ennyumba ya Eri tebugenda kulongoosebwa na ssaddaaka newakubadde ebiweebwayo ennaku zonna.
- 15** Samwiri n'agalamira n'akeesa obudde, n'alyoka aggulawo enzigi z'ennyumba ya Mukama. Samwiri n'atya okubuulira Eri bye yayolesebwa.
- 16** Awo Eri n'ayita Samwiri n'ayogera nti Samwiri, mwana wange. N'ayogera nti Nze nzuuno.
- 17** N'ayogera nti Kigambo ki Mukama ky'akugambye? nkwegayiridde, tokinkisa: Katonda akukole bw'atyo n'okukirawo, bw'ononkisa ekigambo kyonna ku ebyo byonna by'akugambye.
- 18** Awo Samwiri n'amubuulira buli kigambo n'atamukisa kigambo kyonna. N'ayogera nti

Ye Mukama: akole nga bw'asiima.

- 19 Samwiri n'akula, Mukama n'aba naye, n'ataganya bigambo bye kugwa wansi na kimu.
- 20 Abaisiraeri bonna okuva eri Ddaani okutuuka e Beeruseba ne bamanya nga Samwiri ateeddwawo okuba nnabbi wa Mukama.
- 21 Mukama n'alabikira nate mu Siiro: kubanga Mukama yeebikkulira Samwiri mu Siiro n'ekigambo kya Mukama.

Essuula 4

- 1 Ekigambo kya Samwiri ne kijjira Israeri yenna. Awo Abaisiraeri ne batabaala okulwana n'Abafirisuuti ne basiisira ku bbali lya Ebenezeri: Abafirisuuti ne basiisira mu Afeki.
- 2 Abafirisuuti ne basimba ennyiriri okulwana n'Abaisiraeri: awo bwe baatuukaganako, Isiraeri n'akubibwa mu maaso g'Abafirisuuti: ne battira awo ku ggye lyabwe abasajja ng'enkumi nnya.
- 3 Awo abantu bwe baatuuka mu lusiisira, abakadde ba Isiraeri ne boogera nti Mukama atukubidde ki leero mu maaso g'Abafirisuuti? Tukime essanduuko ey'endagaano ya Mukama nga tugiggya mu Siiro tugireete we tuli, etuuke mu ffe etulokole mu mukono gw'abalabe baffe.
- 4 Awo abantu ne batuma e Siiro, ne baggyayo essanduuko ey'endagaano ya Mukama ow'eggye, atuula ku bakerubi: ne batabani ba Eri bombi Kofuni ne Finekaasi baali eyo awali essanduuko ey'endagaano ya Katonda.
- 5 Awo essanduuko ey'endagaano ya Mukama bwe yatuuka mu lusiisira, Abaisiraeri bonna ne boogerera waggulu n'eddoboozi ddene n'okuwuuma ensi n'ewuumira ddala.
- 6 Awo Abafirisuuti bwe baawulira eddoboozi ery'okwogerera waggulu, ne boogera nti Eddoboozi eryo lye boogerera waggulu ennyo mu lusiisira lw'Abaebbulaniya amakulu gaalyo ki? Ne bategeera ng'essanduuko ya Mukama etuuse mu lusiisira.
- 7 Awo Abafirisuuti ne batya kubanga baayogera nti Katonda atuuse mu lusiisira. Ne boogera nti Zituzanze! kubanga obw'edda tewabangawo kigambo ekifaanana bwe kityo.
- 8 Zituzanze! ani alitulokola mu mukono gwa bakatonda abo ab'amaanyi? Be bakatonda abo abaabonyezabonyeza Abamisiri mu ddungu n'ebibonoobono ebitali bimu.
- 9 Muddeemu amaanyi, mwerage obusajja, mmwe Abafirisuuti, muleme okuba abaddu b'Abaebbulaniya, nga bo bwe baabanga abammwe: mwerage obusajja, mulwane.
- 10 Awo Abafirisuuti ne balwana, Isiraeri n'akubibwa, ne baddukira buli muntu mu weema ye: ne waba olutta lunene nnyo; kubanga ku Baisiraeri ne kugwa abasajja abatambula n'ebigere obukumi busatu.
- 11 Ssanduko ya Mukama n'enyagibwa; batabani ba Eri bombi Kofuni ne Finekaasi ne battibwa.
- 12 Omusajja wa Benyamini n'ava mu ggye n'adduka n'atuuka e Siiro ku lunaku olwo, engoye ze nga ziyulise n'ettaka nga liri ku mutwe gwe.
- 13 Awo bwe yajja, laba, Eri ng'atudde ku ntebe ye ku mabbali g'ekkubo ng'atunuulira: kubanga omutima gwe gwali gukankanira sanduko ya Katonda. Awo omusajja bwe yatuuka mu kibuga n'akibuulira, ekibuga kyonna ne kyogerera waggulu.
- 14 Awo Eri bwe yawulira eddoboozi ery'okwogerera waggulu, n'ayogera nti Eddoboozi ery'oluyoogaano luno amakulu gaalyo ki? Omusajja n'ayanguwa n'ajja n'abuulira Eri.
- 15 Era Eri yali nga yaakamaze emyaka kyenda mu munaana; n'amaaso ge gaali

gayimbadde n'atayinza kulaba.

- 16 Omusajja n'agamba Eri nti Nze nzuuyo eyavudde mu ggye, ne nziruka leero okuva mu ggye. N'ayogera nti Byali bitya, mwana wange?
- 17 Awo oyo eyaleeta ebigambo n'addamu n'ayogera nti Abaisiraeri badduse mu maaso g'Abafirisuuti, era wabaddewo olutta olunene mu bantu, era ne batabani bo bombi Kofuni ne Finekaasi bafudde, ne ssanduuko ya Katonda enyagiddwa.
- 18 Awo olwatuuka bwe yayogera ku ssanduuko ya Katonda, n'agwa bugazi okuva ku ntebe ye ku mabbali g'omulyango, obulago bwe ne bukutukako n'afa: kubanga yali mukadde n'obuzito muzito. Era yali alamulidde Isiraeri emyaka ana.
- 19 Awo muka mwana we, mukazi wa Finekaasi, yali lubuto ng'alitera okuzaala: awo bwe yawulira ebigambo nga ssanduuko ya Katonda enyagiddwa, era nga ssezaala we ne bba bafudde, n'akutama n'azaala: kubanga obulumi bwe bwamutuukako.
- 20 Awo ng'anaatera okufa abakazi abaayimirira wali ne bamugamba nti Totya; kubanga ozadde omwana wa bulenzi. Naye n'ataddamu so teyassaayo mwoyo.
- 21 N'atuuma omwana Ikabodi ng'ayogera nti Ekitiibwa kivudde ku Isiraeri: kubanga ssanduuko ya Katonda enyagiddwa, ne kulwa ssezaala we ne bba
- 22 N'ayogera nti Ekitiibwa kivudde ku Isiraeri; kubanga ssanduuko ya Katonda enyagiddwa.

Essuula 5

- 1 Awo Ababrisuuti baali banyaze essanduuko ya Katonda, ne bagiggya e Ebenezeri ne bagitwala e Asudodi.
- 2 Abafirisuuti ne baddira essanduuko ya Katonda ne bagireeta mu ssabo lya Dagoni ne bagiteeka ku mabbali ga Dagoni.
- 3 Abasudodi bwe baagolokoka enkya mu makya, laba, Dagoni ng'agudde amaaso ge nga gali wansi mu maaso ga ssanduuko ya Mukama. Ne baddira Dagoni ne bamuzza nate mu kifo kye.
- 4 Awo bwe baagolokoka olw'okubiri enkya mu makya, laba, Dagoni ng'agudde amaaso ge nga gali wansi mu maaso ga ssaaduuko ya Mukama; n'omutwe gwa Dagoni n'ebibatu byombi eby'emikono gye nga bitemeddwako nga bigalamidde mu mulyango; ekiwududu kya Dagoni kye kyamusigalirawo kyokka.
- 5 Bakabona ba Dagoni kyebaava balema okuiinnya ku mulyango gwa Dagoni mu Asudodi na buli kati, newakubadde omuntu yenna ayingira mu nnyumba ya Dagoni.
- 6 Naye omukono gwa Mukama ne gubazitoowerera Abasudodi, n'abazikiriza, n'abalwaza ebizimba, Asudodi era n'ensalo zaakyo.
- 7 Awo Abasudodi bwe baalaba nga kyali bwe kityo, ne boogera nti Essanduuko ya Katonda wa Isiraeri teribeera naffe: kubanga omukono gwe gutuluma ne Dagoni Katonda waffe.
- 8 Awo ne batuma ne bakuaanya gye bali abaami bonna ab'Abafirisuuti ne boogera nti Tunaakola tutya essanduuko ya Katonda wa Isiraeri? Ne baddamu nti Essaaduuko ya Katonda wa Isiraeri etambuzibwe okutuusa e Gaasi. Ne batambuza essanduuko ya Katonda wa Isiraeri.
- 9 Awo olwatuuka, bwe baamala okugitambuza, omukono gwa Mukama ne gulwana n'ekibuga ne gubakeentereza nnyo nnyini: n'alwaza ab'omu kibuga, abato n'abakulu, ebizimba ne bifuutuuka ku bo.
- 10 Awo ne baweereza essanduuko ya Katonda okugenda e Ekuloni. Awo olwatuuka, essanduuko ya Katonda bwe yatuuka e Ekuloni, Abaekuloni ne boogerera waggulu nga boogera nti Batambuzizza essaaduuko ya Katonda wa Isiraeri ne bagituusa gye tuli, okututta n'abantu baffe.

- 11 Awo ne batuma ne bakuaanya abaami bonna ab'Abafirisuuti ne boogera nti Musindike essanduuko ya Katonda wa Isiraeri, eddeyo mu kifo kyayo, ereme okututta n'abantu baffe: kubanga okukeenterera okw'okufa kwabuna ekibuga kyonna; omukono gwa Katonda gwazitowa nnyo eyo.
- 12 N'abo abataafa ne balwala ebizimba: okukaaba kw'ekibuga ne kulinyya mu ggulu.

Essuula 6

- 1 Awo essanduuko ya Mukama yamala emyezi musanvu ng'eri mu nsi ey'Abafirisuuti.
- 2 Awo Abafirisuuti ne bayita bakabona n'abafumu, nga boogera nti Tunaakola tutya essanduuko ya Mukama? tutegeeze bwe tuba tugiweereza okugenda mu kifo kyayo.
- 3 Ne boogera nti Bwe munaasindika essanduuko ya Katonda wa Isiraeri okugenda, temugisindika njereere; naye temulema kumuweereza ekiweebwayo olw'omusango: ne mulyoka muwona, era kiritegeerwa mmwe ekirobera okubaggyako omukono gwe.
- 4 Awo ne boogera nti Ekiweebwayo olw'omusango kye tulimuweereza kiriba ki? Ne boogera nti Ebizimba ebya zaabu bitaano n'emisonso egya zaabu etaano, ng'abaami b'Abafirisuuti bwe benkana omuwendo: kubanga ekibonoobono ekimu kyali ku mmwe mwenna ne ku baami bammwe.
- 5 Kyemunaava mwekolera ebifaananyi by'ebizimba byammwe n'ebifaananyi by'emisonso gyammwe egyonoona ensi; era muliwa ekitiibwa Katonda wa Isiraeri: mpozzi aliggya omukono gwe ku mmwe ne ku bakatonda bammwe ne ku nsi yammwe.
- 6 Kale mukakanyaliza ki emitima gyammwe, nga Abamisiri ne Falaawo bwe baakakanyaza emitima gyabwe? bwe yamala okukola mu bo eby'ekitalo, tebakkiriza bantu kugenda ne bagenda?
- 7 Kale nno kaakano muddire eggaali empya mugyeteekereteekere, n'ente bbiri eziramulwa, ezitateekebwangako kikoligo, musibe ente ku ggaali, muziggyeko ennyana zaazo muzizze eka:
- 8 muddire essanduuko ya Mukama, mugiteeke ku ggaali; muteeke ebintu ebya zaabu, bye mumuweereza okuba ekiweebwayo olw'omusango, mu bbweta ku mabbali gaayo; mugisindike egende.
- 9 Awo mutegeere, bw'eryambukira mu kkubo ery'ensalo yaayo okugenda e Besusemesi, awo nga ye yatukoze ekibi kino ekinene: naye bwe kitaliba bwe kityo, awo tulitegeera ng'omukono gwe si gwe gwatukuba; kyatugwira bugwizi.
- 10 Abasajja ne bakola bwe batyo; ne baddira ente bbiri eziramulwa, ne bazisiba ku ggaali, ne basiba ennyana zaazo eka.
- 11 ne bateeka essanduuko ya Mukama ku ggaali, n'ebbweta erimu emisonso egya zaabu n'ebifaananyi by'ebizimba byabwe.
- 12 Awo ente ne zikwata ekkubo eggolokofu eridda e Besusemesi, zaayita mu luguudo, nga zikaaba nga zigenda, ne zitakyama ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono; abaami b'Abafirisuuti ne bazigoberera okutuusa ku nsalo eye Besusemesi.
- 13 N'Ababesusemesi baali nga bakungula eaano Yaabwe mu kiwonvu: ne bayimusa amaaso gaabwe ne balaba essanduuko ne basanyuka okugiraba.
- 14 Eggaali n'ejja mu nnimiro ya Yoswa Omubesusemesi n'eyimirira eyo, awaali ejjinja eddene: ne baasa emiti egy'eggaali, ne bawaayo ente ezo okuba ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama.
- 15 Awo Abaleevi ne bassa essanduuko ya Mukama n'ebbweta eyali nayo omwali ebintu ebya zaabu, ne babiteeka ku jjinja eryo eddene: Ababesusemesi ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa ne basala ssaddaaka ku lunaku olwo eri Mukama.
- 16 N'abaami abataano ab'Abafirisuuti bwe baakiraba, ne baddayo e Ekuloni ku lunaku

olwo.

- 17 N'ebizimba ebya zaabu Abafirisuuti bye baaweereza Mukama okuba ekiweebwayo olw'omusango bye bino: ekya Asudodi kimu, ekya Gaza kimu, ekya Asukulooni kimu, ekya Gaasi kimu, ekya Ekuloni kimu;
- 18 n'emisonso egya zaabu ng'ebibuga byonna eby'Abafirisuuti eby'abaami abataano bwe byenkana omuwendo, ebibuga ebiriko enkomera era n'embuga ez'omu byalo: okutu-usa ku jinja eryo eddene, kwe bassa ssanduuko ya Mukama, eririwo na guno gujwa mu nnimiro ya Yoswa Omubesusemesi.
- 19 N'atta ku Babesusemesi, kubanga baali balingizizza mu ssanduuko ya Mukama, n'atta ye ku bantu abasajja obukumi butaano mu nsanvu: abantu ne banakuwala, kubanga Mukama yatta abantu olutta olunene.
- 20 Ababesusemesi ne boogera nti Ani ayinza okuyimirira mu maaso ga Mukama Katonda ono omutukuvu? era eri ani gy'alirinnya ng'atuvuddeko?
- 21 Ne batumira abo abaatuula mu Kiriyasuyalimu ababaka, nga boogera nti Abafirisuuti bakomezzaawo essanduuko ya Mukama; muserengete mmwe, mugikime erinnye gye muli.

Essuula 7

- 1 Awo Abakiriyasuyalimu ne bajja ne baddukira essanduuko ya Mukama, ne bagireeta mu nnyumba ya Abinadaabu ku lusozi, ne batukuza Eriyazaali mutabani we okuku-umanga essanduuko ya Mukama.
- 2 Awo olwatuuka okuva ku lunaku essanduuko bwe yabeera mu Kiriyasuyalimu, ne wabaawo ekiseera kinene; kubanga gyaliki emyaka abiri n'ennyumba ya Isiraeri yonna ne banoonya Mukama nga banakuwala.
- 3 Awo Samwiri n'agamba ennyumba ya Isiraeri yonna nti Oba nga mukomawo eri Mukama n'omutima gwammwe gwonna, kale muggyeevo bakatonda abagenyi ne Baasutaloosi bave mu mmwe, muteekereteekere Mukama emitima gyammwe, mumuweereze yekka: naye alibalokola mu mukono gw'Abafirisuuti.
- 4 Awo abaana ba Isiraeri ne balyoka baggyawo Babaali ne Baasutaloosi, ne baweereza Mukama yekka.
- 5 Awo Samwiri n'ayogera nti Mukuaanye Isiraeri yenna bajje e Mizupa, nange ndibasabira eri Mukama.
- 6 Ne bakuaanira e Mizupa, ne basena amazzi, ne bagafuka mu maaso ga Mukama, ne basiiba ku lunaku olwo, ne boogerera eyo nti Twasobya ku Mukama. Samwiri n'alumulira abaana ba Isiraeri e Mizupa.
- 7 Awo Abafirisuuti bwe baawulira ng'abaana ba Isiraeri bakuanidde e Mizupa, abaami b'Abafirisuuti ne batabaala Isiraeri. N'abaana ba Isiraeri bwe baakiwulira ne batya Abafirisuuti.
- 8 Abaana ba Isiraeri ne bagamba Samwiri nti Toleka kukaabira Mukama Katonda waffe ku lwaffe atulokole mu mukono gw'Abafirisuuti.
- 9 Awo Samwiri n'addira omwana gw'endiga oguyonka n'aguwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa ekiramba eri Mukama: Samwiri n'akaabira Mukama ku lwa Isiraeri: Mukama n'amuddamu.
- 10 Awo Samwiri ng'awaayo ekiweebwayo ekyokebwa, Abafirisuuti ne basembera okulwana ne Isiraeri: naye Mukama n'abwatuka okubwatuka okunene ku lunaku olwo ku Bafirisuuti n'abakeentereza; ne bameggebwa wansi mu maaso ga Isiraeri.
- 11 Abasajja ba Isiraeri ne bava mu Mizupa ne bagoberera Abafirisuuti ne babatta okutu-usa lwe baatuuka ku Besukali.
- 12 Awo Samwiri n'addira ejinja, n'alisimba wakati w'e Mizupa ne Seni, n'alituuma

erinnya lyalyo Ebenezeri, ng'ayogera nti Okutuusa kaakano Mukama atubedde.

- 13 Abafirisuuti ne bajeemululwa bwe batyo, ne batatuuka lwa kubiri mu nsalo ya Isiraeri: n'omukono gwa Mukama gwalwana n'Abafirisuuti ennaku zonna eza Samwiri.
- 14 N'ebibuga Abafirisuuti bye baali baggye ku Isiraeri ne bizzibwa eri Isiraeri okuva ku Ekuloni okutuusa ku Gaasi; n'ensalo yaabyo Isiraeri n'agiggya mu mukono gw'Abafirisuuti. Ne Isiraeri n'Abamoli ne baba n'emirembe.
- 15 Samwiri n'alamulira Isiraeri ennaku zonna ez'obulamu bwe.
- 16 Ne yeetooloolanga buli mwaka n'agenda e Beseri ne Girugaali ne Mizupa; n'alamulira Isiraeri mu bifo ebyo byonna.
- 17 N'addangayo e Laama kubanga ye yali ennyumba ye; n'alamulira eyo Isiraeri: n'azimba eyo ekyoto eri Mukama.

Essuula 8

- 1 Awo olwatuuka, Samwiri ng'akaddiye, n'afuula batabani be abalamuzi ba Isiraeri.
- 2 N'omubereberye erinnya lye Yoweeri; n'ow'okubiri erinnya lye Abiya: baali balamuzi mu Beeruseba.
- 3 Batabani be ne batatambulira mu makubo ge, naye ne bakyama okugoberera ebintu, ne balya enguzi, ne balya ensonga.
- 4 Awo abakadde ba Isiraeri bonna ne balyoka bakuaana ne bajja eri Samwiri e Laama:
- 5 ne bamugamba nti Laba, ggwe oli mukadde, ne batabani bo tebatambulira mu makubo go: kale tukolere kabaka atulamulenga ng'amawanga gonna.
- 6 Naye ekigambo ekyo ne kinyiiza Samwiri, bwe baayogera nti Tuwe kabaka atulamulenga. Samwiri n'asaba Mukama.
- 7 Mukama n'agamba Samwiri nti Wulira eddoboosi ly'abantu mu byonna bye bakugamba: kubanga tebakugaanyi ggwe, naye bagaanyi nze, nneme okuba kabaka waabwe.
- 8 Ng'emirimu gyonna bwe giri gye baakakola okuva ku lunaku lwe nnabaggya mu Misiri okutuusa leero, kubanga bandeka ne baweereza bakatonda abalala, naawe bwe baakukola bwe batyo.
- 9 Kale nno kaakano wulira eddoboosi lyabwe: naye onoobategeereza ddala n'obalaga kabaka bw'alifaanana alibafuga.
- 10 Awo Samwiri n'abuulira abantu abaamusaba kabaka ebigambo bya Mukama byonna.
- 11 N'ayogera nti Bw'ati bw'alifaanana kabaka alibafuga: alitwala batabani bammwe n'abeewandiikira olw'amagaali ge era okuba abasajja be abeebagala embalaasi; awo banaddukiranga mu maaso g'amagaali ge:
- 12 era alibeewandiikira okuba abaami b'enkumi n'abaami b'ataano; era alissaawo abamu okulima ensi ye n'okukungula ebikungulwa bye, n'okuweesa ebintu bye ebyokulwanyisa n'ebintu eby'omu magaali ge.
- 13 Era alitwala bawala bammwe okufumbanga eby'akaloosa era okuba abafumbiro era okuba abasiisi.
- 14 Era alitwala ennimiro zammwe n'ensuku zammwe ez'emizabibu n'ez'emizeyituuni, ezisinga obulungi, n'aziwa abaddu be.
- 15 Era alitwala ekitundu eky'ekkumi eky'ensigo zammwe n'eky'ensuku zammwe ez'emizabibu n'agabira abaami be n'abaddu be.
- 16 Era alitwala abaddu bammwe n'abazaana bammwe n'abalenzi bammwe abasinga obulungi n'endogoyi zammwe n'abakoza emirimu gye.
- 17 Alitwala ekitundu eky'ekkumi eky'endiga zammwe: era muliba baddu be.
- 18 Era mulikaaba ku lunaku olwo olwa kabaka wammwe gwe muliba mweronedde; so Mukama talibaddiramu ku lunaku olwo.

- 19 Naye abantu ne bagaana okuwulira eddoboosi lya Samwiri; ne boogera nti Nedda; naye twagala kabaka atufuge;
- 20 naffe tufaanane ng'amawanga gonna; kabaka waffe atusalirenga emisango, atabaalenga ng'atukulembedde atulwanirirenga entalo zaffe.
- 21 Samwiri n'awulira ebigambo byonna eby'abantu, n'abyogera mu matu ga Mukama.
- 22 Awo Mukama n'agamba Samwiri nti Wulira eddoboosi lyabwe obakolere kabaka. Samwiri n'agamba abasajja ba Isiraeri nti Muddeeyo buli muntu mu kibuga ky'ewaabwe.

Essuula 9

- 1 Awo waaliwo omusajja wa Benyamini, erinnya lye Kiisi, mutabani wa Abiyeeri, mutabani wa Zeroli, mutabani wa Bekolaasi, mutabani wa Afia omwana w'Omubenyamini, omusajja ow'amaanyi omuzira.
- 2 Era yalina omwana, erinnya lye Sawulo, omulenzi omulungi: so mu baana ba Isiraeri temwali muntu eyamusinga obulungi: okuva ku bibegabega bye n'okwambuka yasinga abantu bonna obuwanvu.
- 3 Awo endogoyi za Kiisi kitaawe wa Sawulo zaali zibuze. Kiisi n'agamba Sawulo mutabani we nti Twala omu ku baddu agende naawe ogolokoke ogende onoonye endogoyi.
- 4 Awo n'ayita mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu n'ayita ne mu nsi ya Salisa, naye ne bataziraba: awo ne bayita mu nsi ya Saalimu, nga teziri eyo: n'ayita mu nsi ey'Ababenyamini, naye ne bataziraba.
- 5 Awo bwe baatuuka mu nsi ya Zufu, Sawulo n'agamba omuddu we eyali naye nti Tugende tuddeyo; kitange aleme okuleka okulowooza endogoyi ne yeeraliikirira ffe.
- 6 N'amugamba nti Laba nno, mu kibuga muno mulimu omusajja wa Katonda, era omusajja oyo bamussaamu ekitiibwa; byonna by'ayogera tebirema kutuukirira: tugende eyo kaakano; mpozzi ye anaayinza okutubuulira eby'olugendo lwaffe lwe tutambula.
- 7 Awo Sawulo n'agamba omuddu we nti Naye, laba, bwe tunaagenda kiki kye tunaatwalira omusajja? kubanga emmere ewedde mu bintu byaffe, so tewali kirabo kye tuba tutwalira omusajja wa Katonda tulina ki?
- 8 Omuddu n'amuddamu Sawulo nate n'ayogera nti Laba, nnina ekitundu eky'okuna ekyasekeri eya ffeeza mu ngalo zange: ekyo kye nnaawa omusajja wa Katonda atulagirire ekkubo lyaffe.
- 9 (Edda mu Isiraeri, omuntu bwe yagendanga okubuuza Katonda, n'ayogeranga bw'ati nti Jjangu tugende eri omulabi: kubanga oyo ayitibwa nnabbi kaakano baamuyitanga mulabi edda.)
- 10 Awo Sawulo n'agamba omuddu we nti Oyogedde bulungi; jjangu tugende. Awo ne bayingira mu kibuga omwali omusajja wa Katonda.
- 11 Awo bwe baali balinnya awayambukirwa mu kibuga, ne basanga abawala abato nga bafuluma okusena amazzi, ne babagamba nti Omulabi ali wano?
- 12 Ne babaddamu ne boogera nti Waali; laba, ali mu maaso go: yanguwa nno, kubanga atuuse mu kibuga leero; kubanga abantu balina ssaddaaka leero mu kifo ekigulumivu:
- 13 bwe munaaba nga mutuuse mu kibuga, munaamulaba mangu ago, nga tannaba kwambuka mu kifo ekigulumivu okulya: kubanga abantu tebaalye nga tannajja, kubanga ye asabira ssaddaaka omukisa; awo abaayitibwa ne balyoka balya. Kale nno kaakano mwambuke; kubanga kaakano lwe munaamulaba.
- 14 Ne bambuka mu kibuga; awo bwe baali bayingira mu kibuga, laba, Samwiri n'afuluma okuboolekera, okwambuka mu kifo ekigulumivu.

- 15 Awo Mukama yali abikkulidde Samwiri ng'ekyasigaddeyo olunaku lumu Sawulo okujja, ng'ayogera nti
- 16 Enkya nga mu kiseera kino nnaawereza gy'oli omusajja ava mu nsi ya Benyamini, era olimufukako amafuta okuba omukulu w'abantu bange Isiraeri, era ye alirokola abantu bange mu mukono gw'Abafirisuuti: kubanga ntunuulidde abantu bange, kubanga okukaaba kwabwe kutuuse gye ndi.
- 17 Awo Samwiri bwe yalaba Sawulo, Mukama n'amugamba nti Laba omusajja gwe nnakugambyeko! oyo ye aliba n'obuyinza ku bantu bange.
- 18 Awo Sawulo n'asemberera Samwiri mu mulyango n'ayogera nti Mbuulira, nkwegayiridde, ennyumba ey'omulabi w'eri.
- 19 Samwiri n'addamu Sawulo n'ayogera nti Nze mulabi; yambuka okunkulembere mu kifo ekigulumivu, kubanga munaalya nange leero: awo enkya naakusiibula, ne nkubulira byonna ebiri mu mutima gwo.
- 20 N'endogoyi zo ezaakamala ennaku ssatu okubula, tozeeraliikirira; kubanga zirabise. Era byonna ebyegombewwa mu Isiraeri biriba by'ani? tebiriba bibyo ggwe n'ennyumba ya kitaawo yonna?
- 21 Sawulo n'addamu n'ayogera nti Nze siri Mubenyamini, ow'omu kika ekisinga obutono mu bika bya Isiraeri? n'ennyumba yange si ye esinga obutono mu nnyumba zonna ez'ekika kya Benyamini? kale kiki ekikwozeza nange bw'otyo?
- 22 Awo Samwiri n'atwala Sawulo n'omuddu we n'abayingiza mu nju ey'abagenyi n'abatuuza mu kifo eky'oku mwanjo mu abo abaayitibwa, abantu ng'asatu.
- 23 Samwiri n'agamba omufumbiro nti Leeta omugabo gwe nkuwadde gwe nkugambyeko nti Gutereke.
- 24 Omufumbiro n'asitula ekisambi n'ebyakiriko n'akiteeka mu maaso ga Sawulo. Samwiri n'ayogera nti Laba ekyo ekiterekeddwa! kiteeke mu maaso go olye; kubanga kikuterekeddwa okutuusa ku biro ebyateekebwawo, kubanga nayogera nti Mpise abantu. Awo Sawulo n'alya ne Samwiri ku lunaku olwo.
- 25 Awo bwe baali baserengese mu kibuga okuva mu kifo ekigulumivu, n'ateesa ne Sawulo waggulu ku nnyumba.
- 26 Ne bagolokoka mu makya: awo olwatuuka obudde nga bukya, Samwiri n'ayita Sawulo waggulu ku nnyumba ng'ayogera nti Golokoka, nkusindike ogende. Sawulo n'agolokoka ne bafulumu bombi, ye ne Samwiri.
- 27 Bwe baali nga baserengeta ekibuga we kikoma, Samwiri n'agamba Sawulo nti Lagira omuddu ayitemu atukulembere (n'ayitamu,) naye ggwe yimirira buyimirizi mu kiseera kino nkuwulize ekigambo kya Katonda.

Essuula 10

- 1 Awo Samwiri n'addira eccupa y'amafuta n'agafuka ku mutwe gwe n'amunywegera n'ayogera nti Mukama si ye akufuseeko amafuta okuba omukulu w'obusika bwe?
- 2 Bw'onoova gye ndi leero, onoolaba abasajja babiri ku malaalo ga Laakeeri, mu nsalo ya Benyamini e Zereza; awo banaakugamba nti Endogoyi ze wagenda okunoonya zirabise: era, laba, kitaawo aleseeyo okulowooza endogoyi ne yeeraliikirira ggwe ng'ayogera nti Naakola ntya olw'omwana wange?
- 3 Awo onoovaayo ne weyongerera okugenda mu maaso n'otuuka awali omwera gwa Taboli, onooosiaanwa eyo abasajja basatu nga bambuka eri Katonda e Beseri, omu ng'atwala abaana b'embuzi basatu, n'omulala ng'atwala emigaati esatu, n'omulala ng'atwala ekita eky'omwenge:
- 4 awo banaakulamusa ne bakuwa emigaati ebiri: gy'oba otoola mu ngalo zaabwe.
- 5 N'olyoka otuuka ku lusozi lwa Katonda awali ekigo eky'Abafirisuuti: awo

olunaatuuka, bw'onooba ng'otuuse eyo mu kibuga, onoosiaana ekibiina kya bannabbi nga baserengeta nga bava mu kifo ekigulumivu nga balina entongooli n'ebitaasa n'endere n'ennanga nga bibakulembede; era banaaba nga balagula:

- 6 awo omwoyo gwa Mukama gunajja ku ggwe n'amaanyi, n'olagulira wamu nabo, n'ofuuka okuba omuntu omulala.
- 7 Awo olunaatuuka, obubonero obwo nga bukutuuseeko, okolanga ng'omukono gwo bwe gunaasanga bwe biri; kubanga Katonda ali naawe.
- 8 Era ononkulembere n'oserengeta e Girugaali; nange, laba, ndiserengeta gy'oli, okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'okusala ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe: olimalayo ennaku musanvu ndyoke njije gy'oli nkutegeeze by'oba okola.
- 9 Awo olwatuuka bwe yakyusa amabega ge okuva Samwiri w'ali, Katonda n'amuwa omutima omulala: obubonero obwo bwonna ne butuukirira ku lunaku olwo.
- 10 Awo bwe baatunkayo eri olusozi, laba, ekibiina kya bannabbi ne kisisinkana naye; omwoyo gwa Mukama ne gujja ku ye n'amaanyi, n'alagula mu bo.
- 11 Awo olwatuuka bonna abaamumanyanga edda bwe baamulaba, laba, ng'alagulira wamu ne bannabbi, awo abantu nga bagambagana nti Kiki kino ekimujjiridde mutabani wa Kiisi? ne Sawulo ali mu bannabbi?
- 12 Awo omuntu ow'omu kifo omwo n'addamu n'ayogera nti Ne kitaabwe ye ani? Kyerwawa lufuuka olugero nti Ne Sawulo ali mu bannabbi?
- 13 Awo bwe yamala okulagula n'ajja mu kifo ekigulumivu.
- 14 Awo kojja wa Sawulo n'amugamba ye n'omuuddu we nti Mwagenda wa? Naayogera nti Okunoonya endogoyi: awo bwe twalaba nga tezirabise ne tujja eri Samwiri.
- 15 Kojja wa Sawulo n'ayogera nti Mbuulira, nkwegayiridde, Samwiri bye yabagamba.
- 16 Sawulo n'agamba kojjaawe nti Yatubuulirira ddala ng'endogoyi zirabise. Naye ebigambo eby'obwakabaka, Samwiri bye yayogera, teyabimubuulirako.
- 17 Samwiri n'ayita abantu n'abakuaanyiza eri Mukama e Mizupa;
- 18 n'agamba bw'atyo abaana ba Isiraeri nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Naggya Isiraeri mu Misiri ne mbalokola mu mukono gw'Abamisiri ne mu mukono gw'obwakabaka bwonna obwabajooganga:
- 19 naye leero mugaanyi Katonda wammwe, abalokola yennyini mu nnaku zammwe zonna n'obuyinike bwammwe; era mumugambye nti Nedda naye ssaawo kabaka atufuge. Kale nno kaakano mweyanjule mu maaso ga Mukama ng'ebika byammwe bwe biri; era ng'enkumi zammwe bwe ziri.
- 20 Awo Samwiri n'asembeza ebika byonna ebya Isiraeri; ekika kya Benyamini ne kitwalibwa.
- 21 N'asembeza ekika kya Benyamini ng'ennyumba zaabwe bwe zaali, ennyumba ey'Abamateri n'etwalibwa: Sawulo mutabani wa Kiisi n'atwalibwa; naye bwe baamunoonya, ne batayinza kumulaba.
- 22 Awo ne beeyongerera okubuuza Mukama nti Ekyasigaddeyo omusajja ow'okujja eno? Mukama n'addamu nti Laba, yeekwese mu bintu.
- 23 Ne badduka mbiro ne bamuggyayo; awo bwe yayimirira mu bantu, ng'asinga abantu bonna obuwanvu okuva ku bibegabega bye n'okwambuka.
- 24 Awo Samwiri n'agamba abantu bonna nti Mulabye oyo Mukama gw'alonze, nga tewali amwenkana mu Bantu bonna? Abantu bonna ne boogerera waggulu ne boogera nti Kabaka abeere omulamu.
- 25 Awo Samwiri n'alyoka abuulira abantu obwakabaka bwe bulifaanana, n'abiwandiika mu kitabo n'akitereka mu maaso ga Mukama. Samwiri n'asindika abantu bonna bagende buli muntu mu nnyumba ye.
- 26 Ne Sawulo naye n'agenda mu nnyumba e Gibe; ne wagenda naye eggwe Katonda be

yali akomyeko ku mitima gyabwe.

- 27 Naye ne wabaawo abaana ba Beriali abaayogera nti Omusajja oyo alitulokola atya? Ne bamunyooma ne batamuleetera kirabo. Naye ye n'asirika.

Essuula 11

- 1 Awo Nakkasi Omwamoni n'ayambuka n'asiisira okwolekera Yabesugireyaadi: abasajja bonna ab'e Yabesi ne bagamba Nakkasi nti Lagaana naffe endagaano, naffe tulikuweereza:
- 2 Nakkasi Omwamoni n'abagamba nti Bwe ntyo bwe nnaalagaana nammwe, amaaso gammwe gonna aga ddyo gaggibwemu; nange ndikiteeka ku Isiraeri yenna okuba ekivume.
- 3 Abakadde ab'e Yabesi ne bamugamba nti Tuwe ebbanga ery'ennaku musanvu tutume ababaka mu nsalo zonna eza Isiraeri: awo bwe wataliba ow'okutulokola, tulifuluma ne tujja gy'oli.
- 4 Awo ababaka ne bajja e Gibea ekya Sawulo ne boogerera ebigambo ebyo mu matu g'abantu: awo abantu bonna ne bayimusa eddoozi lyabwe ne bakaaba amaziga.
- 5 Awo, laba, Sawulo n'ajja ng'agoberera ente okuva mu nnimiro; Sawulo n'ayogera nti Abantu babadde batya okukaaba amaziga? Ne bamubuulira ebigambo by'abasajja ab'e Yabesi.
- 6 Awo omwoyo gwa Katonda ne gujja ku Sawulo n'amaanyi, bwe yawulira ebigambo ebyo, obusungu bwe ne bubuubuuka nnyo.
- 7 Awo n'addirira ente bbiri n'azitematema n'aziweereza okubuna ensalo zonna eza Isiraeri mu mikono gy'ababaka ng'ayogera nti Buli atalifuluma okugoberera Sawulo ne Samwiri, bwe zityo ente ze bwe zirikolebwa. Ekitiibwa kya Mukama ne kigwa ku bantu, ne bafulumu ng'omuntu omu.
- 8 N'ababalira e Bezeki; awo abaana ba Isiraeri baali obusiriiivu busatu, n'abasajja ba Yuda baali obukumi busatu.
- 9 Ne bagamba ababaka abajja nti Bwe mutyo bwe munaagamba abasajja ab'e Yabesugireyaadi nti Enkya, omusana nga gwase, munaafuna obulokozi. Ababaka ne bajja ne babuulira abasajja ab'e Yabesi; ne basanyuka.
- 10 Abasajja ab'e Yabesi kyebaava boogera nti Enkya tunaafulumu ne tujja gye muli mutukole byonna bye musiiima.
- 11 Awo olwatuuka enkya Sawulo n'ayawulamu abantu ebibiina bisatu; ne batuuka wakati mu lusiisira mu kisisimuka eky'enkya, ne bakuba Abamoni okutuusa omusana lwe gwakaza: awo olwatuuka abaasigalawo ne basaasaana okusigala ne watasigala babiri ku bo abaali awamu.
- 12 Abantu ne bagamba Samwiri nti Ani oyo eyayogera nti Sawulo alitufuga? leeta abasajja abo tubatte.
- 13 Sawulo n'ayogera nti Tewaabeewo muntu anattibwa leero: kubanga leero Mukama akoze obulokozi mu Isiraeri.
- 14 Awo Samwiri n'agamba abantu nti Mujje tugende e Girugaali, tunyweze eyo nate obwakabaka.
- 15 Abantu bonna ne bagenda e Girugaali; Sawulo ne bamufuulira eyo kabaka mu maaso ga Mukama e Girugaali; ne basalira eyo ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe mu maaso ga Mukama; Sawulo n'abasajja bonna aba Isiraeri ne basanyukira nnyo eyo.

Essuula 12

- 1 Awo Samwiri n'agamba Isiraeri yenna nti Laba, mpulidde eddoozi lyammwe mu

- byonna bye mwaamba, era nkoze kabaka okubafuga.
- 2 Era, laba, kaakano kabaka atambulira mu maaso gammwe: nange ndi mukadde, mmeze n'envi; era, laba, batabani bange bali nammwe: era natambulira mu maaso ganunwe okuva mu buto bwange ne leero.
 - 3 Nze nzuuno: munnumiririze mu maaso ga Mukama ne mu maaso g'oyo gwe yafukako amafuta: ani gwe nnanyagako ente ye? oba ani gwe nnanyagako endogoyi ye? oba ani gwe nnali ndyazaamaanyizza? ani gwe nnali njooze? oba ani gwe nnatoolako mu ngalo ze eaguzi okunzibya amaaso nange naabasasula.
 - 4 Ne boogera nti Totulyazaamaanyanga so totujooganga, so totoolanga kintu mu ngalo z'omuntu yenna.
 - 5 N'abagamba nti Mukama ye mujulirwa gye muli n'oyo gwe yafukako amafuta ye mujulirwa leero nga mmwe temulabye kintu mu mukono gwange. Ne boogera nti Ye mujulirwa.
 - 6 Samwiri n'agamba abantu nti Ye Mukama eyassaawo Musa ne Alooni era eyaggya bajjajjammwe mu nsi y'e Misiri.
 - 7 Kale nno kaakano muyimirire buyimirizi mpoze nammwe mu maaso ga Mukama olw'ebikolwa byonna eby'obutuukirivu ebya Mukama bye yakola mmwe ne bajjajjammwe.
 - 8 Yakobo bwe yali atuuse mu Misiri, bajjajjammwe ne bakaabira Mukama, awo Mukama n'atuma Musa ne Alooni eyaggya bajjajjammwe mu Misiri n'abatuuza mu kifo muno.
 - 9 Naye ne beerabira Mukama Katonda waabwe, n'abatunda mu mukono gwa Sisera, omwami w'eggye lya Kazoli ne mu mukono gw'Abafirisuuti ne mu mukono gwa kabaka wa Mowaabu, ne balwana nabo.
 - 10 Awo ne bakaabira Mukama ne boogera nti Twayonoona kubanga twaleka Mukama ne tuweereza Babaali ne Baasutaloosi; naye kaakano tulokole mu mukono gw'abalabe baffe, tulyoke tukuweereze.
 - 11 Awo Mukama n'atuma Yerubbaali ne Bedani ne Yefusa ne Samwiri, n'abalokola mu mukono gw'abalabe bammwe enjuyi zonna, ne mutuula mirembe.
 - 12 Awo bwe mwalaba nga Nakkasi kabaka w'abaana ba Amoni ng'abatabadde, ne muamba nti Nedda, naye kabaka ye alitufuga: Mukama Katonda wammwe nga ye kabaka wammwe.
 - 13 Kale nno kaakano laba kabaka gwe mulonze era gwe musabye: era, laba, Mukama ataddewo kabaka okubafuga.
 - 14 Bwe munaatyanga Mukama ne mumuweerezanga ne muwuliranga eddoozi lye ne mutajeemeranga kiragiyo kya Mukama, mmwe era ne kabaka abafuga ne mugobereranga Mukama Katonda wammwe; kale:
 - 15 naye bwe mutaawulirenga ddoozzi lya Mukama, naye ne mujeemeranga ekiragiyo kya Mukama, awo omukono gwa Mukama gunaalwananga nammwe nga bwe gwalwananga ne bajjajjammwe.
 - 16 Kale nno kaakano muyimirire buyimirizi mulabe ekigambo kino ekikulu Mukama ky'anaakolera mu maaso gammwe.
 - 17 Leero si ge makungula g'eaano? Naasaba Mukama aweereze okubwatuka n'enkuba: awo munaamanya ne mulaba ng'obubi bwammwe bunene bwe mwakola mu maaso ga Mukama nga mwesabira kabaka.
 - 18 Awo Samwiri n'asaba Mukama; Mukama n'aweereza okubwatuka n'enkuba ku lunaku olwo: abantu bonna ne batya nnyo Mukama ne Samwiri.
 - 19 Abantu bonna ne bagamba Samwiri nti Sabira abaddu bo eri Mukama Katonda wo tuleme okufa: kubanga twongedde ku bibi byaffe byonna n'ekibi kino, okwesabira kabaka.

- 20 Samwiri n'agamba abantu nti Temutya: okukola mwakola ekibi kino kyonna: naye temukyamanga obutagobereranga Mukama, naye muweerezenga Mukama n'omutima gwammwe gwonna;
- 21 so temukyamanga: kubanga kwe kwandibadde okugoberera ebitaliimu ebitayinza kugasa newakubadde okulokola, kubanga tebirimu.
- 22 Kubanga Mukama taayabulirenga bantu be olw'erinnya lye ekkulu: kubanga Mukama yasiima okubeefuulira yekka eggwanga.
- 23 Era nze kiddire eri nze okusobya ku Mukama nga ndekayo okubasabira: naye naabayi-girizanga ekkubo eddungi eggolokofu.
- 24 Kyokka mutyenga Mukama mumuweerezenga mu mazima n'omutima gwammwe gwonna: kubanga mulowooze ebigambo bye yabakolera bwe byenkana obukulu.
- 25 Naye bwe muneeyongeranga okukola ebibi, mulizikirira mmwe era ne kabaka wammwe.

Essuula 13

- 1 Sawulo yali nga yaakamaze emyaka asatu bwe yatanula okufuga; n'afugira Isiraeri emyaka ebiri.
- 2 Sawulo ne yeerondera abasajja ba Isiraeri enkumi ssatu; ku abo enkumi bbiri baabanga ne Sawulo e Mikumasi ne ku lusozi olw'e Beseri; n'olukumi baabanga ne Yonasaani e Gibea ekya Benyamini: n'abantu abalala bonna n'abasindika buli muntu mu weema ye.
- 3 Yonasaani n'akuba ekigo eky' Abafirisuuti ekyali e Geba, Abafirisuuti ne bakiwulira. Sawulo n'afuuwa ekkondeere okubuna ensi yonna, ng'ayogera nti Abaebbulaniya bawulire.
- 4 Isiraeri yenna ne bawulira nga boogera nga Sawulo akubye ekigo eky' Abafirisuuti era nga Isiraeri Abafirisuuti bamutamiddwa. Abantu ne bakuaanira e Girugaali okugoberera Sawulo.
- 5 Awo Abafirisuuti ne bakuaana okulwana ne Isiraeri, amagaali obukumi busatu, n'abasajja abeebagala embalaasi kakaaga, n'abantu abaali ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanya obungi: ne bambuka ne basiisira e Mikumasi, ku luuyi olw'ebuvanjoba olw'e Besaveni.
- 6 Awo abasajja ba Isiraeri bwe baalaba nga bali bubi (kubanga abantu baali balabye ennaku,) awo abantu ne beekweka mu mpuku ne mu bisaka ne mu mayinja ne mu mpampagama ne mu bunnya.
- 7 Era abamu ku Baebbulaniya baali basomose Yoludaani ne bagenda mu nsi ya Gaadi ne Gireyaadi: naye Sawulo yali ng'akyali e Girugaali, abantu bonna ne bamugoberera nga bakankana:
- 8 N'amala ennaku musanvu ng'ebiro bwe byali Samwiri bye yateekawo: naye Samwiri nga tannajja e Girugaali; abantu ne basaasaana nga bamuvaako.
- 9 Sawulo n'ayogera nti Ndeetera wano ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe: Naawaayo ekiweebwayo ekyokebwa.
- 10 Awo olwatuuka nga kyajje amale okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa, laba, Samwiri n'ajja; Sawulo n'afulumu okumusisinkana amulamuse.
- 11 Samwiri n'ayogera nti Okoze ki? Sawulo n'ayogera nti Kubanga nalabye ng'abantu basaasaanye nga banvaako so naawe nga tojja mu biro ebyateekawo n'Abafirisuuti nga bakuaanidde e Mikumasi;
- 12 kyennavudde njogera nti Abafirisuuti banaaserengeta e Girugaali okulwana nange, so sinnaba kwegayirira kisa kya Mukama: kyennavudde neegumiikiriza n'empaayo ekiweebwayo ekyokebwa.

- 13 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti Wakoze kya busirusiru: tokutte kiragiyo kya Mukama Katonda wo kye yakulagira: kubanga kaakano Mukama yandinywezezza obwakabaka bwo ku Isiraeri ennaku zonna.
- 14 Naye kaakano obwakabaka bwo tebuliba bwa lubeerera: Mukama yeenonyerezza omusajja alianga omutima gwe ye, era Mukama amutaddewo okuba omukulu w'abantu be, kubanga tokutte ekyo Mukama kye yakulagira.
- 15 Awo Samwiri n'agolokoka n'ava e Girugaali n'ayambuka e Gibe ekyo Benyamini. Sawulo n'abala abantu abaali awamu naye, abasajja nga lukaaga.
- 16 Sawulo ne Yonasaani mutabani we n'abantu abaali awamu nabo ne batuula e Geba ekyo Benyamini: naye Abafirisuuti ne basiisira e Mikumasi.
- 17 Abakwekwesi ne bava mu lusiisira olw'Abafirisuuti ebibiina bisatu: ekibiina ekimu ne badda mu kkubo erigenda e Yofula, mu nsi ya Suwaali:
- 18 n'ekibiina ekirala ne badda mu kkubo erigenda e Besukolooni: n'ekibiina ekirala ne badda mu kkubo ery'ensalo w'oyima waggulu okutunuulira ekiwomvu Zeboyimu ku luuyi olw'eddungu.
- 19 Awo newatalabika muweesi mu nsi yonna eya Isiraeri: kubanga Abafirisuuti baayogera nti Abaebbulaniya baleme okweweeseza ebitala oba mafumu:
- 20 naye Abaisiraeri bonna ne baserengeta eri Abafirisuuti okuwagala buli muntu enkumbi ye n'ekiwabyo kye n'embazzi ye n'ekifumu kye;
- 21 naye baalina muyamba olw'ebifumu n'ebiwabyo n'amakato n'embazzi; n'olw'okuwagala emiwunda.
- 22 Awo olwatuuka mu biro eby'entalo ne watalabika kitala newakubadde effumu mu mukono gw'omuntu yenna ku abo abaali ne Sawulo ne Yonasaani: naye Sawulo ne Yonasaani mutabani we be baalina.
- 23 N'Abafirisuuti ab'omu kigo ne bafuluma ne bagenda awayitibwa mu Mikumasi.

Essuula 14

- 1 Awo olunaku lwali lumu Yonasaani mutabani wa Sawulo n'agamba omulenzi eyatwalanga ebyokulwanyisa bye, nti Jjangu tusomoke tugende eri ekigo eky'Abafirisuuti ekiri emitala w'eri. Naye n'atabuulira kitaawe.
- 2 Sawulo n'abeera mu kitundu eky'e Gibe eky'enkomerero munda w'omukomamawanga oguli e Miguloni: n'abantu abaali naye baali abasajja nga lukaaga;
- 3 ne Akiya, mutabani wa Akitubu, muganda wa Ikaodi, mutabani wa Finekaasi, mutabani wa Eri, kabona wa Mukama mu Siiro, ng'ayambadde ekkanzu. Abantu ne batamanyanga nga Yonasaani agenze.
- 4 Awo wakati awayitibwa Yonasaani we yali ayagala okufuluma okutuuka mu kigo eky'Abafirisuuti, waaliwo ejjinja essongovu eruuyi n'ejjinja essongovu eruuyi: n'erimu erinnya lyalyo Bozezi, n'eddala erinnya lyalyo Sene.
- 5 Ejjinja erimu lyali liyimiridde ku luuyi olw'obukiika obwa kkono okwolekera Mikumasi, n'eddala ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo okwolekera Gibe.
- 6 Awo Yonasaani n'agamba omulenzi eyatwalanga ebyokulwanyisa bye nti Jjangu tusomoke tugende eri ekigo eky'abatali bakomole bano: mpozzi Mukama anaatukolera omulimu: kubanga Mukama tewali kimuziyiza okulokola n'abangi oba n'abatono.
- 7 Eyatwalanga ebyokulwanyisa bye n'amugamba nti Kola byonna ebiri mu mutima gwo; kyuka, laba, nze ndi wamu naawe ng'omutima gwo bwe guli.
- 8 Awo Yonasaani n'ayogera nti Laba, tunaasomoka ne tugenda eri abasajja ne tweyerula gye bali.
- 9 Bwe banaatugamba nti Mubeere eyo okutuusa bwe tunajja gye muli; awo tunaayimirira buyimirizi mu kifo kyaffe ne tutayambuka gye bali.

- 10 Naye bwe banaayogera nti Mujje gye tuli; awo tunaayambuka: kubanga Mukama abagabudde mu mukono gwaffe: era ako ke kanaabeera akabonero gye tuli.
- 11 Awo bombi ne beeyerula eri ekigo eky' Abafirisuuti: Abafirisuuti ne boogera nti Laba, Abaebbulaniya bafuluma mu bunnya mwe baali beekwese.
- 12 Abasajja ab'omu kigo ne baddamu Yonasaani n'oyo eyatwalanga ebyokulwanyisa bye ne boogera nti Mwambuke gye tuli tubalage ekigambo. Awo Yonasaani n'agamba eyatwalanga ebyokulwanyisa bye nti Yambuka ongoberere: kubanga Mukama abagabudde mu mukono gwa Isiraeri.
- 13 Awo Yonasaani n'alinnya ng'ayavula n'engalo n'ebigere n'eyatwalanga ebyokulwanyisa bye ng'amugoberera: ne bagwa mu maaso ga Yonasaani; n'eyatwalanga ebyokulwanyisa bye n'abatta ng'amuvaako nnyuma.
- 14 Era olutta olwo olw'olubereberye Yonasaani n'eyatwalanga ebyokulwanyisa bye lwe batta lwali lwa basajja ng'amakumi abiri, n'ebbanga lyali nga kitundu kya lubimbi mu musiri gw'ettaka.
- 15 Ne wabaawo okukankana mu lusiisira ne mu nnimiro ne mu bantu bonna; ab'omu kigo n'abakwekwesi ne bakankana nabo: ensi n'ekankana awo ne wabaawo okukankana okunene enyo.
- 16 N'abakuumi ba Sawulo abaali e Gibe eky'a Benyamini ne batunula; awo, laba, ekibiina ne kisereba, ne bagenda eruuyi n'eruyi.
- 17 Awo Sawulo n'agamba abantu abaali naye nti Mubale kaakano, mulabe bw'ali atuvudemu. Awo bwe baabala, laba, Yonasaani n'eyatwalanga ebyokulwanyisa bye nga tebaliiwo.
- 18 Sawulo n'agamba Akiya nti Leeta eno ssanduuko ya Katonda. Kubanga essanduuko ya Katonda yali eyo mu biro ebyo wamu n'abaana ba Isiraeri.
- 19 Awo olwatuuka, Sawulo ng'ayogera ne kabona, oluyoogaano olwali mu lusiisira olw'Abafirisuuti ne lubaawo ne lweyongera: Sawulo n'agamba kabona nti Zzaayo omukono gwo.
- 20 Awo Sawulo n'abantu bonna abaali naye ne bakuaana ne bajja okulwana: awo laba, ekitala kya buli muntu ne kirwana ne munne ne waba okukeentererwa okunene ennyo.
- 21 Awo Abaebbulaniya abaali n'Abafirisuuti ng'edda, abaayambuka nabo mu lusiisira okuva mu nsi eyeetooloola; era nabo ne bakyuka okuba n'Abaisiraeri abaali ne Sawulo ne Yonasaani.
- 22 Era bwe batyo n'abasajja bonna aba Isiraeri abaali beekwese mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, bwe baawulira Abafirisuuti nga badduse, era nabo ne babagobererera ddala mu lutalo.
- 23 Awo Mukama n'alokola bw'atyo Isiraeri ku lunaku olwo: olutalo ne luggukira e Besaveni.
- 24 Abantu ba Isiraeri ne balaba ennaku ku lunaku olwo: naye Sawulo n'alayiza abantu ng'ayogera nti Omuntu akolimirwe anaalya ku mmere yonna okutuusa akawungeezi, nange nga mmaze okuwalana eggwanga ku balabe bange: Awo abantu ne batalega ku mmere n'omu.
- 25 Abantu bonna ne batuuka mu kibira; era waaliwo omubisi gw'enjuki wansi.
- 26 Awo abantu bwe baali batuuse mu kibira, laba, omubisi gw'enjuki nga gutonnya: naye ne wataba muntu eyateeka engalo ze ku mumwa; kubanga abantu baatya ekirayiro.
- 27 Naye Yonasaani teyawulira kitaawe bwe yalayiza abantu ekirayiro: kyeyava agolola omusa gw'omuggo ogwali mu mukono gwe, n'agunnyika mu bisenge by'enjuki, n'ateeka engalo ze ku mumwa; amaaso ge ne galaba bulungi.
- 28 Awo omu ku bantu n'addamu n'ayogera nti Kitaawo yakuutira abantu ng'abalayiza ekirayiro ng'ayogera nti Akolimirwe omuntu anaalya ku mmere leero. Abantu ne bayongobera.

- 29 Awo Yonasaani n'ayogera nti Kitange anakuwazizza ensi: laba, nkwegayiridde, amaaso gange bwe galabye obulungi, kubanga ndezeeko katonno ku mubisi guno ogw'enjuki.
- 30 Tebandisinze nnyo abantu singa balidde leero ku munyago ogw'abalabe baabwe gwe balabye ne bakkuta? kubanga kaakano tewabadde lutta lunene mu Bafirisuuti.
- 31 Ne batta ku Bafirisuuti ku lunaku olwo okuva e Mikumasi okutuuka ku Ayalooni: abantu ne bayongobera nnyo.
- 32 Awo abantu ne bagwa ku munyago, ne banyaga endiga n'ente n'ennyana ne bazittira awo: abantu ne bazirya awamu n'omusaayi.
- 33 Awo ne bamubuulira Sawulo nga boogera nti Laba, abantu basobya ku Mukama kubanga balya wamu n'omusaayi. N'ayogera nti Mukuusizza: munjiringisize ejjinja eddene leero.
- 34 Sawulo n'ayogera nti Musaasaane mu bantu, mubagambe nti Mundeetere wano buli muntu ente ye na buli muntu endiga ye, muzittire wano mulye: so temusobya ku Mukama nga mulya omusaayi. Abantu bonna ne baleeta buli muntu ente ye wamu naye ekiro ekyo ne bazittira eyo.
- 35 Sawulo n'azimbira Mukama ekyoto: ekyo kye kyali ekyoto eky'olubereberye kye yazimbira Mukama.
- 36 Awo Sawulo n'ayogera nti Tuserengete tugoberere Abafirisuuti ekiro, tubanyage okutuusa emmambya lw'eneesala, tuleme okusigaza omuntu ku bo. Ne boogera nti Kola kyonna kyonna ky'osiima. Awo kabona n'ayogera nti Tuserengete Katonda wano.
- 37 Sawulo n'abuuzza Katonda amagezi nti Nserengete okugoberera Abafirisuuti? onoobagabula mu mukono gwa Isiraeri? Naye n'atamuddamu ku lunaku olwo.
- 38 Sawulo n'ayogera nti Musembere wano, mmwe mwenna abakulu b'abantu: mugeere mulabe ekibi kino bwe kibadde leero.
- 39 Kubanga Mukama alokola Isiraeri nga bw'ali omulamu, newakubadde nga kibadde mu Yonasaani mutabani wange, taaleme kufa. Naye ne wataba muntu n'omu mu bantu bonna eyamuddamu.
- 40 Awo n'agamba Isiraeri yenna nti Mmwe mubeere ku luuyi lumu, nange ne Yonasaani mutabani wange tunaaba ku luuyi olulala. Abantu ne bagamba Sawulo nti Kola nga bw'osiima.
- 41 Sawulo kyeyava agamba Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Laga eby'ensonga. Awo akalulu ne kabagwako Sawulo ne Yonasaani; naye abantu ne bawona.
- 42 Sawulo n'ayogera nti Mukubire nze ne Yonasaani mutabani wange. Ne kamugwako Yonasaani.
- 43 Awo Sawulo n'agamba Yonasaani nti Mbuulira by'okoze. Yonasaani n'amubuulira n'ayogera nti Okulega naleze ku tubisi tw'enjuki n'omusa gw'omuggo ogubadde mu mukono gwange; kale, laba, kiwanidde okufa.
- 44 Sawulo n'ayogera nti Katonda akole bw'atyo n'okukirawo: kubanga tooleme kufa, Yonasaani.
- 45 Abantu ne bagamba Sawulo nti Yonasaani anaafa akoze obulokozi buno obukulu mu Isiraeri? Kiddire eri: nga Mukama bw'ali omulamu, tewaliba ku nviiri ze na lumu olunaagwa wansi: kubanga akolede wamu ne Katonda leero. Awo abantu ne banunula bwe batyo Yonasaani, n'atafa.
- 46 Awo Sawulo n'aleka okugoberera Abafirisuuti n'ayambuka: Abafirisuuti ne baddayo ewaabwe.
- 47 Awo Sawulo bwe yamala okulya obwakabaka bwa Isiraeri, n'alwana n'abalabe be bonna enjuyi zonna, Mowaabu n'abaana ba Amoni ne Edomu ne bakabaka ba Zoba n'Abafirisuuti: awo n'abeeraliikirizanga buli gye yakyukanga yonna.

- 48 N'akola eby'obuzira n'akuba Abamaleki, n'alokola Isiraeri mu mikono gy'abo abaabanyaganga.
- 49 Ne batabani ba Sawulo baali Yonasaani ne Isuvi ne Malukisuwa: n'amannya ga bawala be ababiri gaagano; omubereberye eritmya lye Merabu, n'omuto erinnya lye Mikali:
- 50 ne mukazi wa Sawulo erinnya lye yali Akinoamu omwana wa Akimaazi: n'omukulu w'eggye lye erinnya lye yali Abuneeri mutabani wa Neeri muganda wa kitaawe wa Sawulo.
- 51 Ne Kiisi yali kitaawe wa Sawulo; ne Neeri kitaawe wa Abuneeri yali mutabani wa Abiyeeri.
- 52 Awo ne balwana nnyo nnyini n'Abafirisuuti ennaku zonna eza Sawulo: awo Sawulo bwe yalabanga omuntu yenna ow'amaanyi oba omuzira yenna, n'amwesenzezanga.

Essuula 15

- 1 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti Mukama Yantuma okukufukako amafuta okuba kabaka w'abantu be Isiraeri: kale nno kaakano wulira eddoboosi ly'ebigambo bya Mukama.
- 2 Bw'atyo bw'ayogera Mukama ow'eggye nti Nekkaanya ebyo Amaleki bye yakola Isiraeri, bwe yeesimbawo okumuziyiza mu kkubo, bwe yalinnya okuva mu Misiri.
- 3 Kaakano genda okube Amaleki, ozikiririze ddala byonna bye balina, so tobasaasira; naye batte abasajja n'abakazi omwana omuwere n'ayonka, ente n'endiga, eaamira n'endogoyi.
- 4 Awo Sawulo n'ayita abantu n'ababalira e Terayimu, abasajja abatambula n'ebigere obusiriivu bubiri, n'abasajja ba Yuda kakumi.
- 5 Sawulo n'atuuka ku kibuga kya Amaleki n'ategera mu kiwonvu.
- 6 Sawulo n'agamba Abakeeni nti Mugende muveewo muserengete okuva mu Bamaleki nneme okubazikiriza awamu nabo: kubanga mwakola eby'ekisa abaana ba Isiraeri bonna, bwe baava mu Misiri. Awo Abakeeni ne bava mu Bamaleki.
- 7 Sawulo n'akuba Abamaleki; okuva e Kavira ng'ogenda e Ssuuli, ekyolekera Misiri.
- 8 N'awamba Agagi kabaka w'Abamaleki, n'azikiririza ddala abantu bonna n'obwogi bw'ekitala.
- 9 Naye Sawulo n'abantu ne basonyiwa Agagi n'endiga ezaasinga obulungi n'ente n'ebya ssava n'abaana b'endiga n'ebirungi byonna, ne bargaana okubizikiririza ddala: naye ebibi byonna era ebitali bya muwendo ebyo ne babizikiririza ddala.
- 10 Awo ekigambo kya Mukama ne kiryoka kijjira Samwiri ng'ayogera nti
- 11 Nejjusizza kubanga nakuza Sawulo okuba kabaka: kubanga azzeeyo ennyuma obutan-goberera so takoze biragiyo byange. Awo Samwiri n'asunguwala; n'akaabira Mukama okukeesa obudde.
- 12 Awo Samwiri n'agolokoka mu makya okusisinkana ne Sawulo enkya; ne bamubuulira Samwiri nti Sawulo yatuuka ku Kalumeeri, era, laba, ne yeesimbira ekijjukizo, n'akyuka n'ayitamu n'aserengeta e Girugaali.
- 13 Awo Samwiri n'ajja eri Sawulo: Sawulo n'amugamba nti Oweebwe Mukama omukisa: nkoze ekiragiyo kya Mukama.
- 14 Awo Samwiri n'ayogera nti Okubejjagala kuno okw'endiga nno okuli mu matu gange makulu ki, n'okuooa kw'ente kwe mpulira?
- 15 Sawulo n'ayogera nti Baaziggye ku Bamaleki ne bazireeta: kubanga abantu baasonyiye endiga n'ente ezaasinga obulungi, okuwaayo ssaddaaka eri Mukama Katonda wo; n'ebirala tubizikiririzza ddala.
- 16 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti Sooka oleke nange naakubuulira Mukama

by'aambye ekiro kino. N'amugamba nti Yogera.

- 17 Samwiri n'ayogera nti Newakubadde nga wali mutono mu maaso go ggwe, tewafuuka mutwe gwa bika bya Isiraeri? Mukama n'akufukako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri:
- 18 Mukama n'akutuma olugendo, n'ayogera nti Genda ozikiririze ddala abalina ebibi abo Abamaleki, olwane nabo okutuusa lwe balimalibwawo.
- 19 Kale kiki nno ekyakulobera okugondera eddoozi lya Mukama, naye n'ogwa ku munyago, n'okola ebyali ebibi mu maaso ga Mukama?
- 20 Sawulo n'agamba Samwiri nti Okugondera ondedde eddoozi lya Mukama, ne enda olugendo Mukama lwe yantuma, ne ndeeta Agagi kabaka wa Amaleki, ne nzikiririza ddala Abamaleki.
- 21 Naye abantu ne batoola ku munyago endiga n'ente, ebyasinga mu ebyo ebya-wongebwa, okuweerayo eri Mukama Katonda wo e Girugaali.
- 22 Samwiri n'ayogera nti Mukama asanyukira ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka okwenkana nga bw'asanyukira okugondera eddoozi lya Mukama? Laba okugonda kusinga ssaaddaaka obulungi n'okuwulira kusinga amasavu g'endiga enume.
- 23 Kubanga okujeema kulianga ekibi eky'obufumu, n'obukakanyavu bulianga okusinja ebifaananyi ne baterafi. Kubanga ogaanyi ekigambo kya Mukama, naye akugaanyi okuba kabaka.
- 24 Awo Sawulo n'agamba Samwiri nti Nayonoona: kubanga nasobya ekiragiro kya Mukama n'ebigambo byo: kubanga natya abantu ne ondera eddoozi lyabwe.
- 25 Kale nno kaakano, nkwegayiridde, sonyiwa ekibi kyange, okyukire wamu nange nate nsinze Mukama.
- 26 Samwiri n'agamba Sawulo nti Siddeyo naawe: kubanga ogaanyi ekigambo kya Mukama, ne Mukama akugaanyi okuba kabaka wa Isiraeri.
- 27 Awo Samwiri bwe yakyuka okugenda, n'akwata ekirenge ky'ekyambalo kye ne kiyulika.
- 28 Awo Samwiri n'amugamba nti Mukama akuyuzizzaako obwakabaka bwa Isiraeri leero, n'abuwa muliraanwa wo akusinga obulungi.
- 29 Era Maanyi ga Isiraeri talirimba so talyejjusa: kubanga si muntu yejjuse.
- 30 N'alyoka ayogera nti Nayonoona: naye nzisaamu ekitiibwa kaakano, nkwegayiridde, mu maaso g'abakadde b'abantu bange ne mu maaso ga Isiraeri, okyukire wamu nange nate nsinze Mukama Katonda wo.
- 31 Awo Samwiri n'akyuka nate okugoberera Sawulo; Sawulo n'asinza Mukama.
- 32 Awo Samwiri n'alyoka ayogera nti Mundeetere wano Agagi kabaka w'Abamaleki. Agagi n'ajja gy'ali ng'akumba. Agagi n'ayogera nti Mazima obubalagaze bw'okufa buyise.
- 33 Samwiri n'ayogera nti Ng'ekitala kyo bwe kyafuulanga abakazi obutaba na baana, bw'atyo nnyoko bw'aliba talina baana mu bakazi. Awo Samwiri n'atemeratamera Agagi mu maaso ga Mukama e Girugaali.
- 34 Awo Samwiri n'alyoka agenda e Laama; Sawulo n'ayambuka mu nnyumba ye e Gibea ekya Sawulo.
- 35 Samwiri n'atajja nate okulaba Sawulo okutuusa ku lunaku kwe yafiira; kubanga Samwiri yanakuwalira Sawulo: Mukama ne yejjusa kubanga yafuula Sawulo kabaka wa Isiraeri.

Essuula 16

- 1 Awo Mukama n'agamba Samwiri nti Olituusa wa okunakuwalira Sawulo nze nga mmaze okumugaana okuba kabaka wa Isiraeri? jjuza ejjembe lyo amafuta ogende,

- naakutuma eri Yese Omubesirekemu: kubanga neerabidde kabaka mu batabani be.
- 2 Samwiri n'ayogera nti Nnyinza ntya okugenda? Sawulo bw'alikiwulira, alinzita. Mukama n'ayogera nti Twala ente enduusi ogende nayo oyogere nti Nzize okuwaayo ssaddaaka eri Mukama.
 - 3 N'oyita Yese ajje ku ssaddaaka, nange ndikulaga bw'olikola: era olinfukira amafuta ku oyo gwe ndikwatulira erinnya.
 - 4 Awo Samwiri n'akola ekyo Mukama kye yayogera n'ajja e Besirekemu. Abakadde b'ekibuga ne bajja okumusisinkana nga bakankana ne boogera nti Ozze mirembe?
 - 5 N'ayogera nti Mirembe: nzize okuwaayo ssaddaaka eri Mukama: mwetukuze mujje nange tugende ku ssaddaaka. N'atukuza Yese ne batabani be n'abayita okujja ku ssaddaaka.
 - 6 Awo olwatuuka nga batuuse n'atunuulira Eriyaabu n'ayogera nti Mazima Mukama gw'afukako amafuta ali mu maaso ge.
 - 7 Naye Mukama n'agamba Samwiri nti Totunuulira maaso ge newakubadde embala Ye bw'eri empanvu; kubanga mugaanyi: kubanga Mukama talaba ng'abantu bwe balaba; kubanga abantu batunuulira okufaanana okw'okungulu, naye Mukama atunuulira mutima.
 - 8 Awo Yese n'alyoka ayita Abinadaabu n'amuyisa mu maaso ga Samwiri. N'ayogera nti So n'oyo Mukama tamulonze.
 - 9 Awo Yese n'ayisaawo Samma. N'ayogera nti So n'oyo Mukama tamulonze.
 - 10 Yese n'ayisa mu maaso ga Samwiri musanvu ku batabani be. Samwiri n'agamba Yese nti Mukama talonze abo.
 - 11 Samwiri n'agamba Yese nti Abaana bo bonna bali wano? N'ayogera nti Ekyasi-gaddeyo omuto, era, laba, alunda endiga. Samwiri n'agamba Yese nti Tuma bamukime: kubanga tetuutuule okutuusa lw'anajja eno.
 - 12 N'atuma n'amuyingiza. Era yali mummyufu n'amaaso ge nga malungi era eyeegombewwa okutunuulirwa. Mukama n'ayogera nti Golokoka omufukeko amafuta: kubanga ye wuuyo.
 - 13 Awo Samwiri n'alyoka addira ejjembe ery'amafuta, n'amufukako amafuta wakati mu baganda be: omwoyo gwa Mukama ne gujja ku Dawudi n'amaanyi okuva ku lunaku olwo n'okweyongerayo. Awo Samwiri n'agolokoka n'agenda e Laama.
 - 14 Awo omwoyo gwa Mukama gwali guvudde ku Sawulo, n'omuzimu omubi ogwava eri Mukama ne gumunakuwaza.
 - 15 Awo abaddu ba Sawulo ne bamugamba nti Laba nno; omuzimu omubi oguva eri Katonda gukunakuwaza.
 - 16 Mukama waffe alagire kaakano abaddu bo, abali mu maaso go, okunoonya omusajja omukubi w'ennanga ow'amagezi: awo olunaatunkanga omuzimu omubi oguva eri Katonda bwe gunaabanga ku ggwe, kale anaakubanga ennanga n'engalo ze naawe oliwona.
 - 17 Sawulo n'agamba abaddu be nti Mundabire nno omusajja ayinza okukuba obulungi mumundeetere.
 - 18 Awo omu ku balenzi n'addamu n'ayogera nti Laba, nalaba mutabani wa Yese Omubesirekemu, omukubi w'ennanga ow'amagezi, era omusajja ow'amaanyi omuzira, era omulwanyani, era omutegeevu okwogera, era omuntu omulungi, ne Mukama ali naye.
 - 19 Sawulo kyeyava atumira Yese ababaka n'ayogera nti Mpeereza Dawudi mutabani wo ali n'endiga.
 - 20 Yese n'addira endogoyi n'agitikka emigaati n'ekita eky'omwenge n'omwana gw'embuzi, n'abiweereza Sawulo mu mukono gwa Dawudi mutabani we.
 - 21 Awo Dawudi n'ajja eri Sawulo n'ayimirira mu maaso ge: n'amwagala nnyo; n'atwalanga ebyokulwanyisa bye:

- 22 Sawulo n'atumira Yese ng'ayogera nti Nkwegayiridde Dawudi ayimirirenga mu maaso gange; kubanga aganze mu maaso gange.
- 23 Awo olwatuukanga omuzimu omubi ogwava eri Katonda bwe gwabanga ku Sawulo, Dawudi n'addiranga ennanga ye n'akuba n'engalo ze: awo Sawulo n'aweeranga n'awona, omuzimu omubi ne gumuvaako.

Essuula 17

- 1 Awo Abafirisuuti ne bakuaanya eggwe lyabwe okulwana, ne bakuaanira e Soko ekya Yuda, ne basiisira wakati w'e Soko ne Azeka mu Efusudammimu.
- 2 Sawulo n'abasajja ba Isiraeri ne bakuaana ne basiisira mu kiwonvu Era, ne basimba ennyiriri okulwana n'Abafirisuuti.
- 3 Abafirisuuti ne bayimirira ku lusozi eruuyi ne Isiraeri n'ayimirira ku lusozi eruuyi: ne waba ekiwonvu wakati waabwe.
- 4 Ne mu lusiisira olw'Abafirisuuti ne muva omuzira, erinnya lye Goliyaasi, ow'e Gaasi, obuwanvu bwe emikono mukaaga ko oluta;
- 5 Era yali atikkide seppewo ey'ekikomo ku mutwe gwe, n'ayambala ekizibawo eky'ekikomo; n'obuzito bw'ekizibawo bwali sekeri enkumi ttaano ez'ekikomo.
- 6 Era yali ayambadde ku magulu eby'ebikomo, era yalina n'effumu ery'ekikomo ku kibegabega kye.
- 7 N'olunyago lw'effumu lye lwalianga omuti ogulukirwako engoye; n'effumu lye lyennyini obuzito bwalyo sekeri kikumi ez'ekyuma: n'oyo eyatwalanga engabo ye n'amukulemberanga.
- 8 Awo n'ayimirira n'alangira eggwe lya Isiraeri n'abagamba nti Mwafulumira ki okusimba ennyiriri zammwe? nze siri Mufirisuuti nammwe baddu ba Sawulo? mwerondere omusajja aserengete gye ndi.
- 9 Bw'anaayinza okulwana nange n'anzita, kale tunaaba baddu bammwe: naye bwe nnaamusinga ne mmutta, kale mmwe munaaba baddu baffe ne mutuweereza.
- 10 Omufirisuuti n'ayogera nti Nsoomozezza eggwe lya Isiraeri leero: mumpe omusajja tulwane fembi.
- 11 Awo Sawulo ne Isiraeri yenna bwe baawulira ebigambo ebyo eby'Omufirisuuti, ne bakeentererwa ne batya nnyo.
- 12 Awo Dawudi yali mwana wa Mwefulaasi oyo ow'e Besirekemuyuda, erinnya lye Yese; era yalina batabani be munaana: era omusajja yali mukadde ku mirembe gya Sawulo ng'akootakoota mu bantu.
- 13 Ne batabani ba Yese abakulu abasatu baali bagoberedde Sawulo mu ntalo: ne batabani be abasatu abaagenda mu ntalo amannya gaabwe Eriyaabu omubereberye, n'eyamudako Abinadaabu, n'ow'okusatu Samma.
- 14 Ne Dawudi ye yali omuto: n'abakulu abasatu ne bagoberera Sawulo.
- 15 Era Dawudi n'addiananga okuva eri Sawulo okulunda endiga za kitaawe e Besirekemu.
- 16 Omufirisuuti n'asemberanga enkya n'akawungeezi, ne yeeyolekeranga ennaku amakumi ana.
- 17 Awo Yese n'agamba Dawudi mutabani we nti Twalira nno baganda bo efa ey'eaano eno ensiike n'emigaati gino ekkumi, oyanguwe obitwale mu lusiisira eri baganda bo;
- 18 otwalire omukulu w'olukumi lwabwe ebitole bino ekkumi eby'amata amakalu, olabe baganda bo bwe bali, obaggyeko omusingo gwabwe.
- 19 Era Sawulo nabo abasajja bonna aba Isiraeri baali mu kiwonvu Era nga balwana n'Abafirisuuti.
- 20 Dawudi n'agolokoka enkya mu makya, n'alekera endiga omusumba n'addirira ebintu

n'agenda nga Yese bwe yamulagira; n'atuuka mu kifo eky'amagaali, eggye eryali lifuluma okulwana nga balanga emiruka egy'obulwa.

- 21 Awo Isiraeri n'Abafirisuuti ne basimba ennyiriri, eggye nga lyolekera eggye.
- 22 Dawudi n'aleka omugugu gwe mu mukono gw'omukuumi w'emigugu, n'adduka mbiro eri eggye n'ajja n'alamusa baganda be.
- 23 Awo bwe yali anyumya nabo, laba, ne wayambuka oyo omuzira, Omufirisuuti ow'e Gaasi, erinnya lye Goliyaasi, ng'ava mu nnyiriri ez'Abafirisuuti n'ayogera ng'ebigambo ebyo bwe byali: Dawudi n'abiwulira.
- 24 Awo abasajja bonna aba Isiraeri bwe baalaba omusajja ne bamudduka ne batya nnyo.
- 25 Abasajja ba Isiraeri ne boogera nti Mulabye omusajja oyo ayambuse? mazima oku-soomoza Isiraeri kyavudde ayambuka: awo olunaatuuka omuntu anaamutta kabaka anaamugaggawaza n'obugagga bungu, era anaamuwa ne muwala we, era anaafuula ennyumba ya kitaawe okuba ey'eddembe mu Isiraeri.
- 26 Awo Dawudi n'ayogera n'abasajja abaali bayimiridde okumuliraana nti Omuntu anaakolwa atya anatta Omufirisuuti ono, n'aggya ekivume ku Isiraeri? kubanga Omufirisuuti ono atali mukomole ye ani asoomoze eggye lya Katonda omulamu?
- 27 Abantu ne bamuddamu bwe bati nga boogera nti Bw'atyo bw'anaakolwa omuntu anaamutta.
- 28 Ne Eriyaabu muganda we omukulu n'awulira bwe yayogera n'abasajja; obusungu ne bumukwata Eriyaabu eri Dawudi, n'ayogera nti Oserengetedde ki? n'endiga ezo entono wazirekera ani ku ttale? Mmanyi amalala go n'ekyejo ekiri mu mutima gwo, kubanga oserengese okulaba olutalo.
- 29 Dawudi n'ayogera nti Nkoze ki kaakano? Tewali nsonga?
- 30 N'amuvaako n'akyukira omulala n'ayogera ebigambo ebimu n'ebyo: abantu ne bamuddamu nate bwe batyo nga bwe baamuzzeemu oluberebereye.
- 31 Awo ebigambo bwe byawulirwa Dawudi bye yayogera ne babyogerera mu maaso ga Sawulo; n'amutumya.
- 32 Dawudi n'agamba Sawulo nti Omuntu yenna aleme akuggwaamu omwoyo ku lulwe; omuddu wo anaagenda n'alwana n'Omufirisuuti oyo.
- 33 Sawulo n'agamba Dawudi nti Toyinza kuisinkana na Mufirisuuti oyo okulwana naye: kubanga ggwe oli mulenzi bulenzi, naye ye musajja mulwanyi okuva mu buto bwe;
- 34 Dawudi n'agamba Sawulo nti Omuddu wo yakuumanga endiga za kitaawe; awo bwe wajjanga empologoma oba ddubu n'eggya omwana gw'endiga mu kisibo,
- 35 ne nfulumanga ne ngigoberera ne ngikuba ne ngiwonya nga ngiggya mu kamwa kaayo: awo bwe yangolokokerangako ne ngikwata ku kirevu kyayo ne ngikuba ne ngitta.
- 36 Omuddu wo yakuba empologoma era n'eddubu: n'Omufirisuuti oyo atali mukomole aliba ng'emu ku zo kubanga asoomozezza eggye lya Katonda omulamu.
- 37 Dawudi n'ayogera nti Mukama eyamponya mu njala z'empologoma ne mu njala z'eddubu, alunponya ne mu mukono gw'Omufirisuuti oyo. Sawulo n'agamba Dawudi nti Genda, era Mukama anaaba naawe.
- 38 Awo Sawulo n'ayambaza Dawudi ebyambalo bye, n'amutikkira enkuufiira ey'ekikomo ku mutwe gwe, n'amwambaza ekizibawo eky'ekikomo.
- 39 Awo Dawudi ne yeesiba ekitala kye ku byambalo bye, n'agezaako okutambula; kubanga yali tannaba kubyegezaamu. Awo Dawudi n'agamba Sawulo nti Siyinja kugenda na bino; kubanga sinnabyegezaamu. Dawudi n'abyeyambulamu.
- 40 N'addira omuggo gwe mu mukono gwe, ne yeerondera amayinja amaweweevu ataano mu kagga, n'agateeka mu nsawo ey'omusumba gye yalina, mu ndyanga ye; n'envu-umuulo ye yali mu mukono gwe: n'asemberera Omufirisuuti.
- 41 Awo Omufirisuuti n'ajja n'amusemberera Dawudi; n'omusajja eyatwalanga engabo

n'amukulembera.

- 42 Awo Omufirisuuti bwe yamagamaga n'alaba Dawudi, n'amunyooma: kubanga nga yali mulenzirenze, era mummyufu, n'amaaso ge nga malungi.
- 43 Omufirisuuti n'agamba Dawudi nti Nze ndi mbwa n'okujja n'ojja gye ndi n'emiggo? Omufirisuuti n'akolimira Dawudi eri bakatonda be.
- 44 Omufirisuuti n'agamba Dawudi nti Jjangu gye ndi ngabire omubiri gwo ennyonyi ez'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsiko.
- 45 Awo Dawudi n'agamba Omufirisuuti nti Ojja gye ndi n'ekitala n'olunyago n'effuniu: naye nze njija gy'oli mu linnya lya Mukama ow'eggye, Katonda w'eggye lya Isiraeri, ly'osoomozezza:
- 46 Leero Mukama anaakugabula mu mukono gwange; era naakukuba ne nkuggyako omutwe gwo; era naagabira ennyonyi ez'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsiko emirambo egy'eggye ery'Abafirisuuti; ensi zonna zitegeere nga mulimu Katonda mu Isiraeri:
- 47 era ekibiina kino kyonna kitegeere nga Mukama talokola na kitala na ffumu: kubanga olutalo lwa Mukama, naye anaabagabula mu mukono gwaffe.
- 48 Awo olwatuuka Omufirisuuti bwe yagolokoka n'asembera okusisinkana ne Dawudi, awo Dawudi n'ayanguwa n'adduka mbiro eri eggye okusisinkana n'Omufirisuuti.
- 49 Awo Dawudi n'ayingiza engalo ze mu nsawo ye n'aggyamu ejjinja n'alivuumuula n'akuba Omufirisuuti ekyenyi; ejjinja ne liyingira mu kyenye kye, n'agwa nga yevuunise.
- 50 Awo Dawudi n'awangula bw'atyo Omufirisuuti n'envuumuulo n'ejjinja, n'akuba Omufirisuuti n'amutta; naye nga temuli kitala mu mukono gwa Dawudi.
- 51 Awo Dawudi n'adduka mbiro n'ayimirira ku Mufirisuuti, n'addira ekitala kye n'akisowola mu kiraato kyakyo, n'amutta n'amutemako omutwe nakyo. Awo Abafirisuuti bwe baalaba omuzira waabwe ng'afudde ne badduka.
- 52 Awo abasajja ba Isiraeri n'aba Yuda ne bagolokoka ne boogerera waggulu ne bagoberera Abafirisuuti okutuusa lw'otuuka e Gaayi ne ku miryango gya Ekuloni. N'Abafirisuuti abaafumitibwa ebiwundu ne bagwa ku kkubo eridda e Saalayimu, okutuusa e Gaasi ne Ekuloni.
- 53 Abaana ba Isiraeri ne baleka okugoberera Abafirisuuti ne bakomawo ne banyaga olusiisira lwabwe.
- 54 Awo Dawudi n'addira omutwe gw'Omufirisuuti n'agutwala e Yersaalemi; naye n'ateeka ebyokulwanyisa bye mu weema ye.
- 55 Era Sawulo bwe yalaba Dawudi ng'afuluma okulwana n'Omufirisuuti, n'agamba Abuneeri, omukulu w'eggye, nti Abuneeri, omulenzi ono ye mwana w'ani? Abuneeri n'ayogera nti Nga ggwe bw'oli omulamu, ai kabaka, simanyi.
- 56 Kabaka n'ayogera nti Buuza kitaawe w'omuvubuka oyo bw'ali.
- 57 Awo Dawudi bwe yali akomawo ng'asse Omufirisuuti, Abuneeri n'amutwala n'amuleeta eri Sawulo ng'alina omutwe gw'Omufirisuuti mu mukono gwe.
- 58 Sawulo n'amugamba nti Ggwe oli mwana w'ani, mulenzi ggwe? Dawudi n'addamu nti Nze ndi mwana wa muddu wo Yese Omubesirekemu.

Essuula 18

- 1 Awo olwatuuka bwe yamala okwogera ne Sawulo, emmeeme ya Yonasaani n'egattibwa n'emmeeme ya Dawudi, Yonasaani n'amwagala ng'emmeeme ye ye.
- 2 Sawulo n'amutwala ku lunaku olwo n'atamuganya kuddayo nate eka mu nnyumba ya kitaawe.
- 3 Awo Yonasaani ne Dawudi ne balagaana endagaano kubanga yamwagala

ng'emmeeme ye ye.

- 4 Yonasaani ne yeeyambulamu omunagirowe gwe gwe yali ayambadde n'aguwa Dawudi, n'ekyambalo kye, era n'ekitala kye n'omutego gwe n'olukoba lwe.
- 5 Dawudi n'agendanga buli Sawulo gye yamutumanga n'ayisa n'amagezi: Sawulo n'amufuula omukulu w'abasajja abalwany, abantu bonna ne bakisiima, era n'abaddu ba Sawulo.
- 6 Awo olwatuuka nga bajja, Dawudi bwe yakomawo ng'asse Omufirisuuti, abakazi ne bava mu bibuga byonna ebya Isiraeri, nga bayimba era nga bazina, okusisinkana ne kabaka Sawulo, nga balina ebitaasa, nga basanyuka, nga bakutte ebivuga.
- 7 Abakazi ne bayimbiragana nga bazannya ne boogera nti Sawulo asse enkumi ze, Ne Dawudi obukumi bwe.
- 8 Sawulo n'asunguwala nnyo ekigambo ekyo ne kimunyiiza; n'ayogera nti Dawudi bamuwadde obukumi, nange bampadde enkumi zokka: kale ayinza okweyongerera okuba na ki wabula obwakabaka?
- 9 Awo Sawulo n'amutunuulira Dawudi n'eriiso ebbi okuva ku lunaku olwo n'okweyongerayo.
- 10 Awo olwatuuka enkya omuzimu omubi ogwava eri Katonda ne gujja ku Sawulo n'amaanyi, n'alagulira wakati mu nnyumba: Dawudi n'akuba ennanga n'engalo ze nga bwe yakolanga buli lunaku: era Sawulo yalina effumu lye mu ngalo ze.
- 11 Sawulo n'akasuka effumu; kubanga n'ayogera nti Naafumita Dawudi okukwasa n'ekisenge. Dawudi ne yeewomera mu maaso ge emirundi ebiri.
- 12 Awo Sawulo n'atya Dawudi kubanga Mukama yali naye, era ng'avudde ku Sawulo.
- 13 Sawulo kyeyava amuggya w'ali n'amufuula omukulu we ow'olukumi: n'afulumanga n'ayingira mu maaso g'abantu.
- 14 Dawudi n'ayisa n'amagezi mu makubo ge gonna; era Mukama yali naye.
- 15 Awo Sawulo bwe yalaba ng'ayisa n'amagezi mangi nnyo, n'amutekemukira.
- 16 Naye Isiraeri yenna ne Yuda ne bamwagala Dawudi; kubanga yafulumanga n'ayingira mu maaso gaabwe.
- 17 Awo Sawulo n'agamba Dawudi nti Laba, muwala wange omukulu Merabu ndikumuwa okumuwasa: kyokka ombeereranga omuzira olwanenga entalo za Mukama. Kubanga Sawulo yayogera nti Omukono gwange guleme okumubaako, naye omukono gw'Abafirisuuti gumubeeko.
- 18 Awo Dawudi n'agamba Sawulo nti Nze ani, n'obulamu bwange kiki, oba ennyumba ya kitange mu Isiraeri, nze okuba mukoddomi wa kabaka?
- 19 Naye olwatuuka ebiro bwe byajja bwe kyagwanira okumuwa Dawudi Merabu muwala wa Sawulo, awo ne bamuwa Adulieri Omumekolasi okumufumbirwa.
- 20 Awo Mikali muwala wa Sawulo n'ayagala Dawudi: ne babuulira Sawulo, ekigambo ekyo n'akisiima.
- 21 Sawulo n'ayogera nti Ndimumuwa abeere ekyambika gy'ali, n'omukono gw'Abafirisuuti gulwane naye. Sawulo kyeyava agamba Dawudi nti Leero onooba mukoddomi wange omulundi ogw'okubiri.
- 22 Awo Sawulo n'alagira abaddu be nti Muteese ne Dawudi mu kyama mwogere nti Laba, kabaka akusanyukira n'abaddu be bonna bakwagala: kale nno kaakano beera mukoddomi wa kabaka.
- 23 Awo abaddu ba Sawulo ne boogera ebigambo ebyo mu matu ga Dawudi. Dawudi n'ayogera nti Mukiyita kigambo kitono okuba mukoddomi wa kabaka, nze ani omusajja omwavu era gwe batayitamu ka buntu?
- 24 Abaddu ba Sawulo ne bamubuulira nga boogera nti Bw'atyo Dawudi bw'ayogedde.
- 25 Sawulo n'ayogera nti Bwe mutyo bwe munaagamba Dawudi nti Kabaka tayagala bya buko byonna, wabula ebikuta by'Abafirisuuti kikumi, okuwalana eggwanga ku balabe

ba kabaka. Era Sawulo yali alowooza okussa Dawudi omukono gw'Abafirisuuti.

- 26 Awo abaddu be bwe baabuulira Dawudi ebigambo ebyo, Dawudi n'asiima nnyo okuba mukoddomi wa kabaka. Awo ennaku nga tezinnaba kuyitawo;
- 27 Dawudi n'agolokoka n'agenda, ye n'abasajja be, n'atta ku Bafirisuuti abasajja ebikumi bibiri; Dawudi n'aleeta ebikuta byabwe, n'abiwa kabaka omuwendo nga gutuukiiidde, alyoke abeere mukoddomi wa kabaka. Awo Sawulo n'amuwa Mikali muwala we okumufumbirwa.
- 28 Sawulo n'alaba n'ategeera nga Mukama ali ne Dawudi; ne Mikali muwala wa Sawulo n'amwagala.
- 29 Awo Sawulo ne yeeyongera nate okutya Dawudi, Sawulo n'aba mulabe wa Dawudi ennaku zonna.
- 30 Awo abaami b'Abafirisuuti ne balyoka batabaala: awo olwatuuka buli lwe baatabaalanga, Dawudi n'ayisanga n'amagezi n'asinga abaddu ba Sawulo bonna; erinnya lye ne lyatiikirira nnyo.

Essuula 19

- 1 Awo Sawulo n'agamba Yonasaani mutabani we n'abaddu be bonna batte Dawudi. Naye Yonasaani mutabani wa Sawulo yamusanyukira yo Dawudi.
- 2 Yonasaani n'abuulira Dawudi ng'ayogera nti Sawulo kitange ayagala okukutta: kale nno kaakano, nkwegayiridde, weekuume enkya obeere mu kifo eky'ekyama weekise:
- 3 nange naafuluma ne nnyimirira ku mabbali ga kitange mu nnimiro mw'oli, era naateesa ne kitange ebigambo byo; era bwe ndiraba ekigambo kyonna, ndikubuulira.
- 4 Awo Yonasaani n'ayogera ne Sawulo kitaawe ng'atenda Dawudi obulungi n'amugamba nti Kabaka tayoononanga muddu we Dawudi; kubanga takwoononanga ggwe, era kubanga ebikolwa bye byabanga birungi nnyo gy'oli;
- 5 kubanga yateeka obulamu bwe mu mukono gwe n'akuba Omufirisuuti, Mukama n'akolera Isiraeri yenna obulokozi obukulu: wabulaba n'osanyuka: kale kiki ekikwagaza okwonoona omusaayi ogutaliiko musango, okutta Dawudi awatali nsonga?
- 6 Sawulo n'awulira eddoboosi lya Yonasaani: Sawulo n'alayira nti Mukama nga bwali omulamu, talittibwa.
- 7 Yonasaani n'ayita Dawudi, Yonasaani n'amutegeeza ebigambo ebyo byonna. Yonasaani n'aleeta Dawudi eri Sawulo, n'abanga mu maaso ge ng'olubereberye.
- 8 Ne waba entalo nate: Dawudi n'atabaala n'alwana n'Abafirisuuti, n'abatta olutta olunene; ne badduka mu maaso ge.
- 9 Awo omuzimu omubi ogwava eri Mukama gwali ku Sawulo, ng'atudde mu nnyumba ye ng'akute ffumu lye mu ngalo ze; ne Dawudi ng'akuba ennanga n'engalo ze:
- 10 Awo Sawulo n'agezaako okufumita Dawudi n'okumukwasa n'ekisenge n'effumu; naye ne yeemulula mu maaso ga Sawulo, n'akuba effumu mu kisenge: Dawudi n'adduka n'awona ekiro ekyo.
- 11 Awo Sawulo n'atuma ababaka mu nnyumba ya Dawudi, okumukuuma, bamutte enkya: Mikali mukazi wa Dawudi n'amubuulira ng'ayogera nti Bw'otoowonye bulamu bwo ekiro kino, onottibwa enkya.
- 12 Awo Mikali n'assiza Dawudi mu ddirisa: n'agenda n'adduka n'awona.
- 13 Mikali n'addirira terafi n'amuteeka mu kitanda, n'ateeka ekigugu eky'ebyoya by'embuzi emutwetwe, n'akibikkako embugo.
- 14 Awo Sawulo bwe yatuma ababaka okukwata Dawudi, n'ayogera nti Alwadde.
- 15 Sawulo n'atuma ababaka okulaba Dawudi ng'ayogera nti Mumundeetere mu kitanda ndyoke mmutte.
- 16 Awo ababaka bwe baayingira, laba, terafi ng'ali mu kitanda, ekigugu eky'ebyoya

by'embuzi nga kiri emutwetwe.

- 17 Sawulo n'agamba Mikali nti Onnimbidde ki bw'otyo, n'ota omulabe wange agende n'okuwona awonye? Mikali n'addamu Sawulo nti Yaambye nti Ka ende; nandikut-tidde ki?
- 18 Awo Dawudi n'adduka n'awona n'ajja eri Samwiri e Laama, n'amubuulira byonna Sawulo bye yamukola. Ye ne Samwiri ne bagenda ne batuula e Nayosi.
- 19 Ne babuulira Sawulo nti Laba, Dawudi ali e Nayosi mu Laama.
- 20 Sawulo n'atuma ababaka okukwata Dawudi: awo bwe baalaba ekibiina kya bannabbi nga balagula ne Samwiri ng'ayimiridde nga gwe mutwe gwabwe, awo omwoyo gwa Katonda ne gujja ku babaka ba Sawulo, ne balagula nabo.
- 21 Awo bwe baamubuulira Sawulo, n'atuma ababaka abalala, era nabo ne balagula. Awo Sawulo n'atuma ababaka nate omulundi ogw'okusatu, era nabo ne balagula.
- 22 Awo naye n'agenda e Laama, n'ajja awali oluzzi olunene oluli e Seku: n'abuza n'ayogera nti Bali ludda wa Samwiri ne Dawudi? Ne waba eyayogera nti Laba, bali e Nayosi mu Laama.
- 23 N'agendayo e Nayosi mu Laama: omwoyo gwa Katonda ne gujja ku ye era, ne yeey-ongerayo n'alagula okutuusa lwe yajja e Nayosi mu Laama.
- 24 Era naye ne yeeyambulamu engoye ze, naye n'alagulira mu maaso ga Samwiri n'agalamira nga taliiko ky'ayambadde n'azibya obudde obwo n'akeesa obudde. Kye-bava boogera nti Ne Sawulo ali mu bannabbi?

Essuula 20

- 1 Awo Dawudi n'adduka okuva e Nayosi mu Laama n'ajja n'ayogerera mu maaso ga Yonasaani nti Nkoze ki? buluwa obutali butuukirivu bwange? era kiruwa ekibi kyange mu maaso ga kitaawo n'anoonya obulamu bwange?
- 2 N'amugamba nti Kiddire eri; tojja kufa: laba, kitange tabaako ky'akola oba kikulu oba kitono ky'atambikkulira: era kitange yandinkwekedde ki ekigambo ekyo? si bwe kiri.
- 3 N'okulayira Dawudi n'alayira n'ayogera nti Kitaawo amanyidde ddala nga bwe anze mu maaso go; n'ayogera nti Yonasaani tamanyanga kino, aleme okunakuwala: naye mazima nga Mukama bw'ali omulamu, era nga naawe bw'oli omulamu, wakati wange n'okufa wasigadde kata buta.
- 4 Awo Yonasaani n'alyoka agamba Dawudi nti Buli kintu emmeeme yo ky'eyagala kyonna okukola ndikukolera.
- 5 Awo Dawudi n'agamba Yonasaani nti Laba, enkya omwezi gunaaboneka, nange sandiremye kutuula ne kabaka ng'alya: naye ka ende neekweke mu nsiko okutuusa ku lunaku olw'okusatu akawungeezi.
- 6 Kitaawo bw'anambuuzza, n'olyoka oyogera nti Dawudi andaze n'anneegayirira nnyo leero agende mangu e Besirekemu ekyalo kye: kubanga ssaddaaka gy'eri eya buli mwaka ey'ennyumba ye yonna.
- 7 Awo bw'anaayogera nti Bulungi; omuddu wo anaaba n'emirembe: naye bw'anaasunguwala, kale tegeera ng'ateesezza kabi.
- 8 Kale kola omuddu wo obulungi: kubanga wayingiza omuddu wo mu ndagaano ya Mukama naawe: naye oba ng'obutali butuukirivu buli mu nze, nzita wekka; kubanga wandindeetedde ki eri kitaawo?
- 9 Yonasaani n'ayogera nti Kireme okukubaako n'akatono: kubanga mbeera kumanya n'akatono nga kitange ateesezza akabi okukujjako, kale sandikubuulidde?
- 10 Awo Dawudi n'agamba Yonasaani nti Kitaawo bw'anaaba ng'akuzzeemu n'ebboggo alimbuulira ani?
- 11 Yonasaani n'agamba Dawudi nti Jjangu tufulumu tugende mu nsiko. Ne bafulumu

bombi ne bagenda mu nsiko.

- 12 Awo Yonasaani n'agamba Dawudi nti Mukama, Katonda wa Isiraeri, abeere mujulirwa; bwe nnaaba nga mmaze okukemekkereza kitange nga mu kiseera kino enkya oba ku lw'okusatu, laba, bwe waliba obulungi eri Dawudi, kale sirikutumira ne nkikubikkulira?
- 13 Mukama akole bw'atyo Yonasaani n'okukirawo, kitange bw'aliba ng'asiimye okukukola obubi, ne sikikubikkulira ne nkusindika ogende mirembe: era Mukama abeere naawe nga bwe yabanga ne kitange.
- 14 Naawe olindaga ekisa kya Mukama nga nkyali mulamu, nneme okufa;
- 15 so si kukoma ku ekyo kyokka, era naye n'ennaku zonna tolisalako kisa kyo ku nnyumba yange weewaawo, okutuusa Mukama lw'alimala okusalako abalabe ba Dawudi buli omu ku nsi yonna.
- 16 Awo Yonasaani n'alagaana endagaano n'ennyumba ya Dawudi nti Ne Mukama ali-givunaana mu mukono gw'abalabe ba Dawudi.
- 17 Yonasaani n'alayiza Dawudi nate, olw'okwagala kwe yamwagala: kubanga yamwagala nga bwe yayagala emmeeme ye ye.
- 18 Awo Yonasaani n'alyoka amugamba nti Enkya omwezi gunaaboneka: era banaaku-magamaga, kubanga entebe yo eneeba njereere.
- 19 Awo bw'olimala ennaku ssatu, n'oserengeta mangu n'ojja mu kifo mwe weekwekera ekigambo ekyo bwe kyaliwo, n'obeera awali ejjinja Ezeri:
- 20 Nange ndirasa obusaale busatu ku mabbali gaalyo, nga nteeba sabbaawa.
- 21 Kale, laba, ndituma omwana nga njogera nti Genda onoonye obusaale. Bwe ndigamba omwana nti Laba, obusaale buli ku luuyi luno gye ndi: kale n'obutwala n'ojja; kubanga waliwo emirembe gy'oli so tewali kabi, nga Mukama bw'ali omulamu.
- 22 Naye bwe ndigamba omwana bwe ntyo nti Laba, obusaale buli ku luuyi olw'omu-maaso go: kale ne weddukira: kubanga Mukama ng'akusindise.
- 23 Era ekigambo ekyo kye twayogerako ggwe nange, laba, Mukama ali wakati wo nange ennaku zonna.
- 24 Awo Dawudi ne yeekweka mu nsiko: awo omwezi bwe gwaboneka, kabaka ne yeetutulira okulya ku mmere.
- 25 Kabaka n'atuula ku ntebe ye ng'olulala, ye ntebe eriraanye ekisenge; Yonasaani n'ayimirira. Abuneeri n'atuula ku lubiriizi lwa Sawulo: naye entebe ya Dawudi yali njereere.
- 26 Naye Sawulo teyaliiko kye yayogera ku lunaku olwo: kubanga yalowooza nti Aliko ky'abadde, si mulongoofu; mazima si mulongoofu.
- 27 Awo olwatuuka enkya omwezi nga gumaze okuboneka, lwe lunaku olw'okubiri, entebe ya Dawudi n'eba njereere: Sawulo n'agamba Yonasaani mutabani we nti Kiki ekirobera mutabani wa Yese okujja ku mmere newakubadde jjo newakubadde leero?
- 28 Yonasaani n'addamu Sawulo nti Dawudi yandaga ng'anneegayirira nnyo okugenda e Besirekemu:
- 29 n'ayogera nti Leka ende, nkwegayiridde; kubanga ennyumba yaffe balina ssaddaaka mu kyalo; ne muganda wange yandagira okubaawo: kale nno oba nga anze mu maaso go, leka ende, nkwegayiridde, ndabe baganda bange. Kyeyava alema okujja ku mmeza ya kabaka.
- 30 Awo obusungu ne bukwata Sawulo eri Yonasaani n'amugamba nti Ggwe omwana w'omukazi omukakanyavu omujeemu, simanyi nga walonda mutabani wa Yese okwekwasa ensonyi, n'okukwasa ensonyi obwereere bwa nnyoko?
- 31 Kuba mutabani wa Yese ng'akyali mulamu ku ttaka, tolinywezebwa ggwe newakubadde obwakabaka bwo. Kale nno kaakano tuma omunkimire, kubanga taaleme kufa.

- 32 Yonasaani n'addamu Sawulo kitaawe n'amugamba nti Ekinaaba kimussa kiki? akoze ki? Sawulo n'akasuka effumu lye okumufumita: Yonasaani kwe yategeerera kitaawe ng'amaliridde okutta Dawudi.
- 33 Sawulo n'akasuka effumu lye okumnfumita: Yonasaani kwe yategeerera kitaawe ng'amaliridde okutta Dawudi.
- 34 Awo Yonasaani. n'agolokoka ku mmeeza ng'aliko ekiruyi kingi, n'atalya ku mmere yonna ku lunaku olw'okubiri olw'omwezi: kubanga yanakuwala olwa Dawudi, kubanga kitaawe yali amuwemukidde.
- 35 Awo olwatuuka enkya Yonasaani n'afuluma n'agenda mu nsiko mu kiseera kye yalagaana ne Dawudi, n'omulenzi omuto ng'ali naye.
- 36 N'agamba omulenzi we nti Dduka onoonye nno obusaale bwe ndasa. Omulenzi ng'adduka n'alasa akasaale ku luuyi olw'omu maaso ge.
- 37 Awo omulenzi bwe yatuuka mu kifo eky'akasaale Yonasaani ky'alasizza, Yonasaani n'akoowoola omulenzi n'ayogera nti Akasaale tekali ku luuyi olw'omu maaso go?
- 38 Yonasaani n'akoowoola omulenzi nti Dduka, yanguwa, tolwawo. Omulenzi wa Yonasaani n'alonda obusaale, n'ajja eri mukama we.
- 39 Naye omulenzi teyaliiko kye yategeera: Yonasaani ne Dawudi bokka be baamanya ekigambo.
- 40 Awo Yonasaani n'awa omulenzi we ebintu bye, n'amugamba nti Genda ozitwale mu kibuga.
- 41 Awo omulenzi ng'agenze Dawudi n'agolokoka mu kifo ekyali ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, n'avuunama amaaso ge n'akutama emirundi esatu: ne banywegeragana ne bakaaba bokka na bokka okutuusa Dawudi lwe yayingiriza,
- 42 Yonasaani n'agamba Dawudi nti Genda mireembe kubanga tulayidde fembi mu linnya lya Mukama nga twogera nti Mukama anaabanga wakati wange naawe era wakati w'ezzadde lyanze n'ezzadde lyo, ennaku zonna. N'agolokoka n'agenda: Yonasaani n'ayingira mu kibuga.

Essuula 21

- 1 Awo Dawudi n'atuuka e Nobu eri Akimereki kabona: Akimereki n'ajja okusisinkana Dawudi ng'akankana n'amugamba nti Obeeredde ki omu, so tewali muntu naawe?
- 2 Dawudi n'agamba Akimereki kabona nti Kabaka yantuma omulimu n'aamba ati Tewaba muntu anaamanya ekigambo kyonna eky'omulimu gwe nkutuma newakubadde bye nkulagidde: era n'abalagira abalenzi egindi n'egindi.
- 3 Kale nno kiki ekiri wansi w'omukono gwo? mpa emigaati etaano mu mukono gwange oba kyonna ekiriwo.
- 4 Awo kabona n'addamu Dawudi n'ayogera nti Tewali mugaati bugaati wansi w'omukono gwange, naye omugaati omutukuvu gwe guliwo; kyokka abalenzi oba nga beekuume obutakwata ku bakazi.
- 5 Dawudi n'addamu kabona n'amugamba nti Mazima twaziyizibwa okuba n'abakazi ennaku nga ssatu; bwe nnavayo, ebintu by'abalenzi byali bitukuvu, newakubadde nga lugendo bugendo; kale leero ebintu byabwe tebirisinga nnyo kuba bitukuvu?
- 6 Awo kabona n'amuwa emigaati emitukuvu: kubanga teyaliyo mugaati wabula emigaati egy'okulaga, egyaggibwanga mu maaso ga Mukama, okussaawo emigaati egibuguma ku lunaku kwe gyaggirwawo.
- 7 Era omuntu ow'oku baddu ba Sawulo yaliyo ku lunaku olwo, ng'aziyizibwa mu maaso ga Mukama; n'erinnya lye yali Dowegi Omwedomu, omukulu w'abasumba ba Sawulo.
- 8 Dawudi n'agamba Akimereki nti Era tewali wano ffumu newakubadde ekitala wansi

w'omukono gwo? kubanga saaleeta wamu mange kitala kyange newakubadde ebyokulwanyisa byange, kubanga omulimu gwa kabaka gwali gwa kwanguwa.

- 9 Kabona n'ayogera nti Ekitala kya Goliyaasi Omufirisuuti gwe wattira mu kiwonvu Era, laba, kiri wano nga kizingiddwa mu kiwero ennyuma w'ekkanzu: oba oyagala okutwala ekyo, kitwale; kubanga tewali kirala wano wabula ekyo. Dawudi n'ayogera nti Tewali kikyenkana ekyo; kimpe.
- 10 Awo Dawudi n'agolokoka n'adduka ku lunaku olwo olw'okutya Sawulo, n'agenda eri Akisi kabaka w'e Gaasi.
- 11 Abaddu ba Akisi ne bamugamba nti Dawudi oyo si ye kabaka w'ensi? tebaayimbiragana ku ye nga bazina, nga boogera nti Sawulo asse enkumi ze, Ne Dawudi obukumi bwe?
- 12 Dawudi n'atereka ebigambo ebyo mu mutima gwe, n'atya nnyo Akisi kabaka w'e Gaasi.
- 13 Awo n'awaanyisa empisa ze mu maaso gaabwe, ne yeeralusalalusa mu mikono gyabwe, n'ayagulayagula ku nzigi eza wankaaki, n'akulukusa amalusu mu birevu bye.
- 14 Awo Akisi n'alyoka agamba abaddu be nti Abaffe, mulabye omusajja ng'aguddemu eddalu: kale mumuleetedde ki gye ndi?
- 15 Mbuliddwa abalalu n'okuleeta ne muleeta olusajja luno okulalukira mu maaso gange? olusajja luno lunaayingira mu nnyumba yange?

Essuula 22

- 1 Dawudi kyeyava avaayo, n'adduka n'atuuka ku mpuku ya Adulamu: awo baganda be n'ennyumba ya kitaawe yonna bwe baakiwulira, ne baserengeta ne bagendayo gy'ali.
- 2 Awo buli muntu eyali alaba ennaku na buli muntu eyalina ebbanja na buli eyalina obuyinike, ne bakuaana gy'ali; n'afuuka omukulu waabwe: awo ne waba naye abasajja nga bikumi bina.
- 3 Awo Dawudi n'avaayo n'agenda e Mizupa ekya Mowaabu: n'agamba kabaka wa Mowaabu nti Kitange ne mmange bafulume babe nammwe, okutuusa lwe ndimanya Katonda by'alinkolera.
- 4 Awo n'abaleeta mu maaso ga kabaka wa Mowaabu: ne batuula naye ekiseera kyonna Dawudi ng'akyali mu mpuku.
- 5 Awo nnabbi Gaadi n'agamba Dawudi nti Tobeera mu mpuku; genda, otuuke mu nsi ya Yuda. Awo Dawudi n'agenda n'atuuka mu kibira Keresi.
- 6 Awo Sawulo n'awulira nga Dawudi alabise n'abasajja abaali naye: era Sawulo yali atudde e Gibeya, munda w'omumyuliru mu Laama, ng'akutte effumu lye mu ngalo, n'abaddu be bonna baali bayimiridde okumwetooolola.
- 7 Sawulo n'agamba abaddu be abaali bayimiridde okumwetooolola nti Muwulire nno, mmwe Ababenyamini; mutabani wa Yese aliwa buli muntu ku mmwe ennimiro n'ensuku ez'emizabbibu, alibafuula mwenna okuba abaami b'enkumi era abaami b'ebikumi;
- 8 mwenna ne muneekobaana, so tewali ambikkulira mutabani wange bw'alagaana endagaano ne mutabani wa Yese, so tewali ku mmwe ansaasidde, newakubadde antegeeza nga mutabani wange yampererera omuddu wange okuteega nga leero?
- 9 Awo Dowegi Omwedomu, eyayimirira awali abaddu ba Sawulo, n'alyoka addamu n'ayogera nti Nalaba mutabani wa Yese ng'ajja e Nobu, eri Akimereki mutabani wa Akitubu.
- 10 N'amubuuliza eri Mukama n'amuwa ebyokulya n'amuwa ekitala kya Goliyaasi Omufirisuuti.

- 11 Awo kabaka n'alyoka atuma okuyita Akimereki kabona, mutabani wa Akitubu, n'ennyumba yonna eya kitaawe: bakabona abaali e Nobu ne bajja bonna eri kabaka.
- 12 Sawulo n'ayogera nti Wulira nno, ggwe mutabani wa Akitubu. N'addamu nti Nze nzuuno, mukama wange.
- 13 Sawulo n'amugamba nti Mwanneekobaanira ki, ggwe ne mutabani wa Yese, kubanga wamuwa emigaati n'ekitala; n'omubuuliza eri Katonda, angolokokereko, okuteega nga leero?
- 14 Awo Akimereki n'addamu kabaka n'ayogera nti Era ani ku baddu bo bonna amwenkana Dawudi obwesigwa, ye mukoddomi wa kabaka, era ayizingizibwa mu kuteesa kwo era ow'ekitiibwa mu nnyumba yo?
- 15 Nsoose leero okumubuuliza eri Katonda? kiddire eri: kabaka aleme okussaako omuddu we ekigambo kyonna, newakubadde ennyumba ya kitange yonna: kubanga omuddu wo taliiko ky'amanyi ku bino byonna, newakubadde ebitono newakubadde ebingi.
- 16 Kabaka n'ayogera nti Tooleme kufa, Akimereki, ggwe n'ennyumba ya kitaawo yonna,
- 17 Awo kabaka n'agamba abambowa abaali bayimiridde okumwetooolola nti Mukyuke mutte bakabona ba Mukama; kubanga n'omukono gwabwe guli ne Dawudi, era kubanga baamanya nga yadduka, ne batakimbikkulira. Naye abaddu ba kabaka ne bagaana okussaawo omukono gwabwe okugwa ku bakabona ba Mukama.
- 18 Awo kabaka n'agamba Dowegi nti Kyuka ggwe obagweko bakabona. Awo Dowegi Omwedomu n'akyuka n'agwa ku bakabona, n'atta ku lunaku olwo abantu kinaana mu bataano abaayambalanga ekkanzu eya bafuta.
- 19 Ne Nobu, ekibuga kya bakabona, n'akitta n'obwogi bw'ekitala, abasajja era n'abakazi, abaana abato n'abayonka, n'ente n'endogoyi n'endiga, n'obwogi bw'ekitala.
- 20 Awo omwana omu owa Akimereki, mutabani wa Akitubu, erinnya lye Abiyasaali, n'awona n'adduka okugoberera Dawudi.
- 21 Abiyasaali n'abuulira Dawudi Sawulo ng'asse bakabona ba Mukama.
- 22 Awo Dawudi n'agamba Abiyasaali nti Namanya ku lunaku olwo, Dowegi Omwedomu bwe yaliyo, nga talirema kumubuulira Sawulo: nze nassa abantu bonna ab'omu nnyumba ya kitaawo.
- 23 Ggwe beera nange, totya; kubanga oyo anoonya obulamu bwange anoonya obulamu bwo: kubanga awali nze onoobanga mirembe.

Essuula 23

- 1 Awo ne babuulira Dawudi nti Laba, Abafirisuuti balwana ne Keyira, era banyaga amawuuliro.
- 2 Dawudi kyeyava abuuza Mukama nti ende nkube Abafirisuuti abo? Mukama n'agamba Dawudi nti Genda okube Abafirisuuti olokole Keyira.
- 3 Abasajja ba Dawudi ne bamugamba nti Laba, tutiiridde wano mu Yuda: kale tetulisinga nnyo bwe tuligenda e Keyira okulwana n'eggye ly'Abafirisuuti?
- 4 Awo Dawudi n'alyoka abuuza Mukama nate olw'okubiri. Mukama n'amuddamu n'ayogera nti Golokoka oserengete ogende e Keyira; kubanga ndigabula Abafirisuuti mu mukono gwo.
- 5 Awo Dawudi n'abasajja be ne bagenda e Keyira, ne balwana n'Abafirisuuti, ne banyaga ente zaabwe, ne babatta olutta olunene. Awo Dawudi n'alokola abaatuula e Keyira.
- 6 Awo olwatuuka, Abiyasaali mutabani wa Akimereki bwe yadduka eri Dawudi e Keyira, yaserengeta ng'alina ekkanzu mu mukono gwe.

- 7 Ne babuulira Sawulo nga Dawudi atuuse e Keyira. Sawulo n'ayogera nti Katonda amugabudde mu mukono gwange: kubanga aggaliddwa munda mu kibuga ekirina enzigi n'ebisiba.
- 8 Awo Sawulo n'ayita abantu bonna okutabaala, okuserengeta okugenda e Keyira, okuzingiza Dawudi n'abasajja be.
- 9 Dawudi n'ategeera Sawulo ng'amwagaliza akabi; n'agamba Abiyasaali kabona nti Leeta wano ekkanzu.
- 10 Awo Dawudi n'ayogera nti Ai Mukama, Katonda wa Isiraeri, omuddu wo awuliridde ddala Sawulo nga ayagala okujja e Keyira, okuzikiriza ekibuga ku lwange.
- 11 Abasajja ab'e Keyira balimpaayo mu mukono gwe? Sawulo aliserengeta, ng'omuddu wo bw'awulidde? Ai Mukama, Katonda wa Isiraeri, nkwegayiridde, buulira omuddu wo. Mukama n'ayogera nti Aliserengeta.
- 12 Awo Dawudi n'alyoka ayogera nti Abasajja ab'e Keyira balimpaayo nze n'abasajja bange mu mukono gwa Sawulo? Mukama n'ayogera nti Balikuwaayo.
- 13 Awo Dawudi n'abasajja be, abaali nga lukaaga ne bagolokoka ne bagenda okuva mu Keyira ne bagenda buli gye bayinza okugenda. Ne babuulira Sawulo Dawudi ng'awonye okuva mu Keyira: n'alekayo okutabaala.
- 14 Awo Dawudi n'atuula mu ddungu mu bigo, n'abeera mu nsi ey'ensozi mu ddungu ery'e Zifu. Sawulo n'amunoonyanga buli lunaku, naye Katonda n'atamugabula mu mukono gwe.
- 15 Dawudi n'alaba nga Sawulo atabadde okunoonya obulamu bwe: era Dawudi yali mu ddungu ery'e Zifu mu kibira.
- 16 Awo Yonasaani mutabani wa Sawulo n'agolokoka, n'agenda eri Dawudi mu kibira, n'anyweza omukono gwe mu Katonda.
- 17 N'amugamba nti Totya; kubanga omukono gwa Sawulo kitange tegulikulaba; era gw'oliba kabaka wa Isiraeri nange ndikuddirira obukulu; era n'ekyo Sawulo kitange akimanyi,
- 18 Awo abo bombi ne balagaanira endagaano mu maaso ga Mukama: Dawudi n'abeera mu kibira, Yonasaani n'addayo mu nnyumba ye.
- 19 Awo ab'e Zifu ne bambuka ne bajja eri Sawulo e Gibeya nga boogera nti Dawudi teyeekweka ewaffe mu bigo mu kibira ku lusozi Kakira oluli ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo olw'eddungu?
- 20 Kale nno kaakano, ai kabaka, serengeta, ng'emmeeme yo yonna bw'eyagala okuserengeta; naffe okumuwaayo mu mukono gwa kabaka kuliba kwaffe.
- 21 Sawulo n'ayogera nti Muweebwe Mukama omukisa; kubanga munsaasidde.
- 22 Mugende, mbeegayiridde, mweyongere okwetegereza, mumanye mulabe ekifo kye w'abeera n'eyamulabayi: kubanga bambuulira nti alina obugerenetanya bungi nnyo.
- 23 Kale mulabe, muzige ebifo byonna mw'ateegera mwe yeekweka, mukomewo gye ndi so temulema kujja, nange ndigenda nammwe: awo olulituuka, oba ng'ali mu nsi, ndimunoonya ne mmulaba mu nkumi zonna eza Yuda.
- 24 Awo ne bagolokoka ne bagenda e Zifu okukulembera Sawulo: naye Dawudi n'abasajja be baali mu ddungu ery'e Mawoni, mu Alaba ku luuyi olw'eddungu olw'obukiika obwa ddyo.
- 25 Sawulo n'abasajja be ne bagenda okumunoonya. Ne babuulira Dawudi; kyeyava aserengeta awali olwazi, n'abeera mu ddungu ery'e Mawoni. Awo Sawulo bwe yakiwulira, n'agoberera Dawudi mu ddungu ery'e Mawoni.
- 26 Sawulo n'agenda ku mabbali g'olusozi eruuyi, ne Dawudi n'abasajja be ku mabbali g'olusozi eruuyi: Dawudi n'ayanguwa okuvaayo olw'okutya Sawulo; kubanga Sawulo n'abasajja be baazingiza Dawudi n'abasajja be enjuyi zonna okubakwata.
- 27 Naye ne wajja omubaka eri Sawulo ng'ayogera nti Yanguwako ojje; kubanga

Abafirisuuti bakwekwese mu nsi.

- 28 Awo Sawulo n'alekayo okugoberera Dawudi n'addayo, n'atabaala Abafirisuuti: ekifo ekyo kyebaava bakiyita Serakammalekosi.
- 29 Awo Dawudi n'avaayo n'ayambuka n'abeera mu bigo ebya Engedi.

Essuula 24

- 1 Awo olwatuuka Sawulo bwe yakomawo ng'amaze okugoberera Abafirisuuti, ne bamubuulira nti Laba, Dawudi ali mu ddungu erya Engedi.
- 2 Awo Sawulo n'atwala abasajja enkumi ssatu abaalondebwa mu Isiraeri yenna, n'agenda okunoonya Dawudi n'abasajja be ku njazi ez'embulabuzi.
- 3 N'ajja ku bisibo by'endiga mu kkubo awali empuku; Sawulo n'ayingira okubikka ku bigere bye. Era Dawudi n'abasajja be baali batudde mu bifo eby'omu mpuku ebyakomererayo munda.
- 4 Abasajja ba Dawudi ne bamugamba nti Laba, olunaku Mukama lwe yakugambako nti Laba, ndigabula omulabe wo mu mukono gwo, era olimukola nga bw'olisiima. Awo Dawudi n'agolokoka n'asala ku kirenge ky'ekyambalo kya Sawulo mu kyama.
- 5 Awo olwatuuka oluvannyuma Dawudi n'alumwa omwoyo, kubanga yasala ku kirenge kya Sawulo.
- 6 N'agamba abasajja be nti Mukama akiddize eri nze okukola mukama wange Mukama gwe yafukako amafuta ekigambo kino, okumugololera omukono gwange kubanga ye oyo Mukama gwe yafukako amafuta.
- 7 Awo Dawudi n'aziyiza abasajja be n'ebigambo ebyo, n'atabaganya kumugolokokerako Sawulo. Awo Sawulo n'agolokoka n'ava mu mpuku n'agenda.
- 8 Awo ne Dawudi n'agolokoka oluvannyuma n'ava mu mpuku n'akoowoola Sawulo ng'ayogera nti Mukama wange kabaka. Awo Sawulo bwe yakebuka, Dawudi n'avuunama amaaso ge ne yeeyanza.
- 9 Dawudi n'agamba Sawulo nti Kiki ekikuwuliza ebigambo by'abantu nga boogera nti Laba, Dawudi ayagala okukukola akabi?
- 10 Laba, leero amaaso go galabye Mukama bw'abadde akugabudde mu mukono gwange leero mu mpuku: era wabaddewo abaambye okukutta: naye eriiso lyange ne likusaasira; ne amba nti Sijja kugolola mukono gwange ku mukama wange; kubanga ye oyo Mukama gwe yafukako amafuta.
- 11 Era, kitange, laba, weewaawo, laba, ekirenge ky'ekyambalo kyo mu ngalo zange; kale kubanga nsaze ku kirenge ky'ekyambalo kyo ne sikutta, tegeera olabe nga tewali kabi newakubadde ekyonoono mu mukono gwange; so sikusobezza newakubadde ng'oyiganya obulamu bwange okubukwata:
- 12 Mukama asale omusango wakati wange naawe, Mukama akuwalaneko eggwanga lyange: naye, omukono gwange teguliba ku ggwe.
- 13 Ng'olugero olw'ab'edda bwe lwogera nti Mu babi mwe muva obubi: naye omukono gwange teguliba ku ggwe.
- 14 Kabaka wa Isiraeri atabadde ani? ogoberera ani? ogoberera embwa enfu, enkukunyi.
- 15 Kale Mukama abe mulamuzi, asale omusango gwange n'ogugwo, alabe awoze ensonga yange andokole mu mukono gwo.
- 16 Awo olwatuuka Dawudi bwe yamala okugamba Sawulo ebigambo ebyo, Sawulo n'ayogera nti Lino lye ddooboozi lyo, mwana wange Dawudi? Sawulo n'ayimusa eddooboozi lye n'akaaba amaziga.
- 17 N'agamba Dawudi nti Ggwe onsinga obutuukirivu: kubanga onsasudde obulungi, naye nze nkusasudde obubi.
- 18 Era oyatudde leero bw'onkoze obulungi: kuba Mukama ng'angabudde mu mukono

gwo n'otonzita.

- 19 Kubanga omuntu bw'asanga omulabe we, anaamuganya okugenda nga mulamu? Kale Mukama akuwe empeera ennungi olw'ekyo ky'onkoze leero.
- 20 Era nno, laba, mmanyi nga tolirema kuba kabaka, era ng'obwakabaka bwa Isiraeri bulinywezebwa mu mukono gwo.
- 21 Kale nno kaakano ndayirira Mukama nga tolizikiriza zzadde lyange eririddawo, so nga tolimalawo linnya lyange okuliggya mu nnyumba ya kitange.
- 22 Dawudi n'alayirira Sawulo. Sawulo n'addayo eka; naye Dawudi n'abasajja be ne bayambuka mu mpuku.

Essuula 25

- 1 Awo Samwiri n'afa; Isiraeri yenna ne bakuaana ne bamukaabira, ne bamuziika mu nnyumba ye e Laama. Dawudi n'agolokoka n'aserengeta n'agenda mu ddungu Palani.
- 2 Awo yaliyo omusajja e Mawoni ebintu bye nga biri e Kalumeeri; era omusajja oyo yali mukulu nnyo, era yalina endiga enkumi ssatu n'embuzi lukumi: awo yali ng'asala ebyoya by'endiga ze e Kalumeeri.
- 3 Era erinnya ly'omusajja Nabali; ne mukazi we erinnya lye Abbigayiri: n'omukazi yali mutegeevu n'amaaso ge nga malungi: naye omusajja yali wa kkabyo era mubi mu bicolwa bye; era yali wa nnyumba ya Kalebu.
- 4 Awo Dawudi n'awulira mu ddungu Nabali ng'asala ebyoya by'endiga ze.
- 5 Awo Dawudi n'atuma abalenzi kkumi, Dawudi n'agamba abalenzi nti Mwambuke e Kalumeeri mugende eri Nabali mumunnamusize:
- 6 era bwe mutyo bwe muba mugamba oyo atuula ng'alaba (omukisa) nti Emirembe gibeere gy'oli, era emirembe gibeere ku nnyumba yo, era emirembe gibeere ku byonna by'olina.
- 7 Era nno mpulidde ng'olina abasala ebyoya by'endiga: abasumba bo nno baabanga naffe ne tutabakola bubi, so tewaabanga ekyababula, ebiro byonna nga bali e Kalumeeri.
- 8 Buuza abalenzi bo, banaakubuulira: kale abalenzi baganje mu maaso go; kubanga tujjidde ku lunaku olulungi: waayo, nkwegayiridde, kyonna ekinajja mu mukono gwo eri abaddu bo n'eri mutabani wo Dawudi.
- 9 Awo abalenzi ba Dawudi bwe bajja, ne boogera ne Nabali mu linnya lya Dawudi ng'ebigambo ebyo byonna bwe biri, ne basirika.
- 10 Awo Nabali n'addamu abaddu ba Dawudi n'ayogera nti Dawudi ye ani? ne mutabani wa Yese ye ani? mu biro bino wabaawo abaddu bangi abajeemera buli muntu mukama we.
- 11 Kale nno nnaatoola emigaati gyange n'amazzi gange n'ennyama yange gye nzitidde abasajja bange abasala ebyoya, ne mbiwa abasajja be ssimanyiiko gye bavudde?
- 12 Awo abalenzi ba Dawudi ne bakyuka ne bakwata ekkubo ne baddayo ne bajja ne bamubuulira ng'ebigambo ebyo byonna bwe biri.
- 13 Awo Dawudi n'agamba abasajja be nti Mwesibe buli muntu ekitala kye. Ne beesiba buli muntu ekitala kye; ne Dawudi naye ne yeesiba ekitala kye: ne wayambuka okugoberera Dawudi abasajja nga bikumi bina; ebikumi ebibiri ne basigala ku bintu.
- 14 Naye omu ku balenzi n'abuulira Abbigayiri mukazi wa Nabali ng'ayogera nti Laba, Dawudi yatuma ababaka ng'ayima mu ddungu okulamusa mukama waffe; n'abagwako.
- 15 Naye abasajja abo baatukolanga bulungi nnyo, so tetukolwanga bubi, so tetubulwanga kintu kyonna ebbanga lyonna lye twamala nga tubeera nabo, bwe twali mu nsiko:
- 16 baabanga bbugwe gye tuli emisana n'ekiro ekiseera kyonna kye twamala nabo nga

tulunda endiga.

- 17 Kale nno kaakano tegeera olowooze ky'onookola: kubanga bamaliridde obubi ku mukama waffe ne ku nnyumba ye yonna: kubanga omwana wa Beriali eyenkanidde awo n'okuyinza omuntu n'atayinza kwogera naye.
- 18 Awo Abbigayiri n'alyoka ayanguwa n'addirira emigaati ebikumi bibiri n'ebita bibiri eby'omwenge n'endiga ttaano enfumbire ddala, n'ebigero bitaano eby'eaano ensiike, n'ebirimba kikumi eby'ezabbibu enkalu, n'ebitole ebikumi bibiri eby'ettiini, n'abitikka endogoyi.
- 19 N'agamba abalenzi be nti Munkulembere mugende; laba mbavaako nnyuma. Naye n'atabuulira bba Nabali.
- 20 Awo olwatuuka nga yeebagala endogoyi ye n'aserengeta awaali ekifo ekyekwekerwamu eky'oku lusozi, awo, laba, Dawudi n'abasajja be ne baserengeta okumwolekera; n'asisinkana nabo.
- 21 Era Dawudi yali ayogedde nti Mazima nkuumidde bwereere byonna olusajja luno bye lulina mu ddungu, ekintu kyonna ne kitabula ku byalwo byonna bwe byenkana: kale lunsasudde obubi olw'obulungi.
- 22 Katonda akole bw'atyo abalabe ba Dawudi n'okukirawo, bwe ndisigazaawo ku babe bonna bwe benkana n'omwana omu ow'obulenzi.
- 23 Awo Abbigayiri bwe yalaba Dawudi, n'ayanguwa n'ava ku ndogoyi ye n'avuunamira Dawudi amaaso ge, n'akutama ku ttaka.
- 24 N'agwa ku bigere bye n'ayogera nti Obutali butuukirivu obwo bubeere ku nze mukama wange, ku nze: era muzaana wo ayogere mu matu go, nkwegayiridde, era wulira ebigambo by'omuzaana wo.
- 25 Nkwegayiridde, mukama wange aleme okussaayo omwoyo eri omuntu oyo owa Beriali, Nabali: kuba erinnya lye nga bwe liri, naye bw'ali bw'atyo; Nabali lye linnya lye n'obusirusiru buli naye; naye nze omuzaana wo saalaba balenzi ba mukama wange be watuma.
- 26 Kale nno kaakano, mukama wange nga Mukama bw'ali omulamu naawe nga bw'oli omulamu, kubanga Mukama akuziyizza okuzza omusango gw'omusaayi n'okwe-walanira eggwanga n'omukono gwo ggwe, kale nno abalabe bo n'abo abanoonyeza mukama wange akabi, babe nga Nabali.
- 27 Era nno ekirabo kino omuzaana wo ky'aleetedde mukama wange, kiweebwe abalenzi abagoberera mukama wange.
- 28 Nkwegayidde, sonyiwa ekyonoono ky'omuzaana wo: kubanga Mukama talirema kukolera mukama nnyumba ey'enkalakkalira kubanga Mukama wange alwana entalo za Mukama; so n'akabi tekaliwabika ku ggwe ennaku zo zonna.
- 29 Era newakubadde ng'abantu bagolokose okukuyigganya n'okunoonya obulamu bwo, naye obulamu bwa mukama wange bulisibirwa mu muganda gw'obulanu wamu ne Mukama Katonda wo; n'obulamu bw'abalabe bo alibuvuumuula ng'ebiva mu lubuto lw'envuumuulo.
- 30 Awo olulituuka Mukama bw'aliba ng'akoze mukama wange ng'obulungi bwonna bwe buli bwe yakwogerako era ng'akutaddewo okuba omukulu wa Isiraeri:
- 31 kale kino tekirikulumya mwoyo, so omutima gwange tegulyesittaza mukama wange kubanga wayiwa omusaayi ogutaliiko nsonga newakubadde kino nga mukama wange yeewalanira eggwanga yekka: awo Mukama bw'aliba ng'akoze bulungi mukama wange, kale ojjukiranga omuzaana wo.
- 32 Dawudi n'agamba Abbigayiri nti Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri, akutumye leero okusisinkana nange:
- 33 era gatenderezebwe n'amagezi go, naawe otenderezebwe ankuumye leero, obutabaako musango gwa musaayi n'obuteewalanira ggwanga n'omukono gwange nze.

- 34 Kubanga mazima ddala, nga Mukama Katonda wa Isiraeri bw'ali omulamu, anziyizza okukola obubi, singa toyanguye n'ojja okusisinkana nange, mazima tewandisigalidde Nabali emmambya ng'esaze omwana omu ow'obulenzi.
- 35 Awo Dawudi n'atoola mu ngalo ze ebyo by'amuleetedde: n'amugamba nti Yambuka mu nnyumba yo mirembe; laba, mpulidde eddoboosi lyo ne nkukkiriza ggwe.
- 36 Awo Abbigayiri n'ajja eri Nabali; era, laba, yali afumbye embaga mu nnyumba ye, ng'embaga ya kabaka; n'omwoyo gwa Nabali gwali gusanyuse munda mu ye, kubanga yali atamidde nnyo: kyeyava alema okumubuulira ekigambo kyonna, oba kitono oba kikulu, okutuusa enkya.
- 37 Awo olwatuuka enkya, Nabali omwenge bwe gwali gumuvuddeko, mukazi we n'amubuulira ebigambo ebyo, omutima gwe ne gufiira munda ye n'afuuka ng'ejinja.
- 38 Awo olwatuuka ennaku nga kkumi nga ziyiseewo, Mukama n'alwaza Nabali n'afa.
- 39 Awo Dawudi bwe yawulira Nabali ng'afudde, n'ayogera nti Mukama atenderezebwe, awozezza ensonga ey'okuvumibwa kwange mu mukono gwa Nabali era aziyizza omuddu we okukola ekibi: n'obubi bwa Nabali Mukama abuzzizzaayo ku mutwe gwe ye. Dawudi n'atuma n'ayogereza Abbigayiri okumufumbirwa.
- 40 Awo abaddu ba Dawudi bwe baatuuka eri Abbigayiri e Kalumeeri, ne bamugamba nti Dawudi yatutumye gy'oli okukufumbirwa.
- 41 Awo n'agolokoka n'avuunama amaaso ge n'ayogera nti Laba, omuzaana wo abe muweereza okunaazanga ebigere by'abaddu ba mukama wange.
- 42 Awo Abbigayiri n'ayanguwa n'agolokoka ne yeebagala endogoyi wamu ne bawala be bataano abaamugobereranga; n'agoberera ababaka ba Dawudi, n'aba mukazi we.
- 43 Dawudi n'awasa ne Akinoamu ow'e Yezuleeri; bombi ne baba bakazi be.
- 44 Era Sawulo yali awadde Mikali muwala we, mukazi wa Dawudi, Paluti mutabani wa Layisi ow'e Galimu.

Essuula 26

- 1 Awo ab'e Zifu ne bajja eri Sawulo e Gibeya nga boogera nti Dawudi teyeekweka ku lusozi Kakira olwolekera eddungu?
- 2 Awo Sawulo n'agolokoka n'aserengeta n'agenda mu ddungu ery'e Zifu, ng'alina abasajja abalonde aba Isiraeri enkumi ssatu wamu naye, okunoonya Dawudi mu ddungu ery'e Zifu.
- 3 Sawulo n'asiisira ku lusozi Kakira, olwolekera eddungu, mu kkubo. Naye Dawudi n'abeera mu ddungu n'alaba nga Sawulo atuuse mu ddungu ng'amugoberera.
- 4 Dawudi kyeyava atuma abakessi n'ategeera nga Sawulo atuukidde ddala:
- 5 Dawudi n'agolokoka n'ajja mu kifo Sawulo we yali asiisidde: Dawudi n'alaba ekifo Sawulo we yagalamira, ne Abuneeri mutabani wa Neeri, omukulu w'eggye lye: era Sawulo yali agalamidde munda w'ekifo eky'amagaali, abantu ne basiisira okumwe-tooloola.
- 6 Awo Dawudi n'addamu n'agamba Akimereki Omukiiti ne Abisaayi mutabani wa Zeruyiya, muganda wa Yowaabu, ng'ayogera nti Ani anaaserengeta nange n'agenda eri Sawulo mu lusiisira? Abisaayi n'ayogera nti Nze naaserengeta naawe.
- 7 Awo Dawudi ne Abisaayi ne bajja eri abantu ekiro: awo, laba, Sawulo ng'agalamidde nga yeebase munda w'ekifo eky'amagaali, effumu lye nga lisimbiddwa mu ttaka ku mutwe gwe: ne Abuneeri n'abantu nga bagalamidde okumwetooloola.
- 8 Awo Abisaayi n'agamba Dawudi nti Katonda agabulidde ddala omulabe wo mu mukono gwo leero: kale nno, nkwegayiridde, mmufumite n'effumu okukwasa n'ettaka omulundi gumu so siimufumite gwa kubiri.
- 9 Dawudi n'agamba Abisaayi nti Tomuzikiriza: kubanga ani ayinza okugolola omukono

- gwe ku oyo Mukama gwe yafukako amafuta n'aba nga taliiko musango?
- 10 Dawudi n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu Mukama ye alimutta oba olu-naku lwe lulituuka okufa; oba aliserengeta mu lutalo n'azikirira.
 - 11 Mukama akiddize eri nze okugolola omukono gwange ku oyo Mukama gwe yafukako amafuta: naye nno twala, nkwegayiridde, effumu eriri ku mutwe gwe n'ensumbi y'amazzi tugende.
 - 12 Awo Dawudi n'atwala effumu n'ensumbi y'amazzi ng'abiggya ku mutwe gwa Sawulo; ne beddirayo so nga tewali muntu akirabye newakubadde akimanyi, so nga tewali azuukuse: kubanga bonna nga beebase; kubanga otulo tungi otwava eri Mukama twali tubaguddeko.
 - 13 Awo Dawudi n'agenda emitala w'eri, n'ayimirira wala ku ntikko y'olusozi; nga yeesuddeko nabo ebbanga ddene:
 - 14 Dawudi n'alangiriza abantu ne Abuneeri mutabani wa Neeri ng'ayogera nti Toddamu, Abuneeri? Awo Abuneeri n'addamu n'ayogera nti Ggwe ani akoowoola kabaka?
 - 15 Dawudi n'agamba Abuneeri nti Toli muzira? era ani akwenkana mu Isiraeri? kale kiki ekikulobedde okukuuma mukama wo kabaka? kubanga muyingidde omu ku bantu okuzikiriza kabaka mukama wo.
 - 16 Ekigambo kino ky'okoze si kirungi. Nga Mukama bw'ali omulamu, musaanidde okufa, kubanga temukuume mukama wammwe, Mukama gwe yafukako amafuta. Era nno mulabe effumu lya kabaka gye liri n'ensumbi y'amazzi ebadde ku kigugu kye eky'emitwetwe.
 - 17 Sawulo n'amanya eddoboosi lya Dawudi n'ayogera nti Lino lye ddooboosi lyo, mwana wange Dawudi? Dawudi n'ayogera nti Lye ddooboosi lyange, mukama wange, ai kabaka.
 - 18 N'ayogera nti Mukama wange ayigganyiza ki omuddu we? kubanga nkoze ki? oba kibi ki ekiri mu mukono gwange?
 - 19 Kale nno, nkwegayiridde, mukama wange kabaka awulire ebigambo by'omuddu we. Mukama oba nga ye yakumpeerera, akkirize ekiweebwayo: naye oba nga be baana b'abantu, bakolimirwe mu maaso ga Mukama; kubanga bangobye leero nneme okwegatta n'obusika bwa Mukama nga boogera nti Genda oweereze bakatonda abalala.
 - 20 Kale nno omusaayi gwange guleme okutonnya wansi Mukama gy'atabeera: kubanga kabaka wa Isiraeri atabadde oknnoonya enkukunyi, ng'omuntu bw'ayiggira enkwale ku nsozi:
 - 21 Awo Sawulo n'ayogera nti Nnyonoonye: komawo, mwana wange Dawudi: kubanga siryeyongera kukukola kabi nate, kubanga obulamu bwange bubadde bwa muwendo mungi mu maaso go leero: laba, nasiruwala ne nkyama nnyo nnyini.
 - 22 Dawudi n'addamu n'ayogera nti Laba effumu, ai kabaka! kale omu ku balenzi ajje aliddukire.
 - 23 Era Mukama alisasula buli muntu obutuukirivu bwe n'obwesigwa bwe: kubanga Mukama akugabudde mu mukono gwange leero, ne ssikkiriza kugolola mukono gwange ku oyo Mukama gwe yafukako amafuta.
 - 24 Era, laba, ng'obulamu bwo bwe bubadde obw'omuwendo omungi mu maaso gange leero, obulamu bwange bubeere bwa muwendo mungi mu maaso ga Mukama, andokole mu kulaba ennaku kwonna.
 - 25 Awo Sawulo n'agamba Dawudi nti Oweebwe omukisa, mwana wange Dawudi: olikola eby'amaanyi era tolirema kuwangula. Awo Dawudi n'agenda, Sawulo n'addayo mu kifo kye.

Essuula 27

- 1 Awo Dawudi n'ayogera mu mwoyo gwe nti Luliba lunaku lumu ne nzikirira olw'omukono gwa Sawulo: tewali kisinga bulungi gye ndi okudduka ne ntuuka mu nsi ey' Abafirisuuti; kale Sawulo aliggyayo omwoyo gye ndi, okunnoonya nate mu nsalo zonna eza Isiraeri: bwe ndiwona bwe ntyo mu mukono gwe.
- 2 Dawudi n'agolokoka n'agenda, ye n'abasajja olukaaga abaali naye, ne basenga Akisi mutabani wa Mawoki, kabaka w'e Gaasi.
- 3 Dawudi n'atuula ne Akisi e Gaasi, ye n'abasajja be, buli muntu n'ab'omu nnyumba, Dawudi ne bakazi be bombi, Akinoamu Omuyezuleeri ne Abbigayiri Omukalumeeri, mukazi wa Nabali
- 4 Ne babuulira Sawulo nga Dawudi yaddukira e Gaasi: n'atamunoonya nate.
- 5 Awo Dawudi n'agamba Akisi nti Oba nga nno anze mu maaso go, bampe ekifo mu mbuga emu mu byalo ntuule eyo: kubanga kiki ekinaaba kituuzza omuddu wo mu kibuga kyennyini awamu naawe?
- 6 Awo Akisi n'amuwa Zikulagi ku lunaku olwo: Zikulagi kyekivudde kibeera ekya bakabaka ba Yuda na buli kati.
- 7 Awo omuwendo gw'ennaku Dawudi ze yamala mu nsi ey' Abafirisuuti gwali mwaka mulamba ko emyezi ena.
- 8 Dawudi n'abasajja be ne bambuka ne bakwekweta Abagesuli n' Abagiruzi n' Abamaleki: kubanga abo be baatuulanga mu nsi, abaabangamu edda, ng'ogenda e Ssuuli, okugenda mu nsi ey'e Misiri.
- 9 Dawudi n'atta ensi n'atawonya musajja newakubadde omukazi, n'anyaga endiga n'ente n'endogoyi n'eamira n'ebyambalo; n'akomawo n'ajja eri Akisi.
- 10 Awo Akisi n'ayogera nti Muva wa okukwekweta leero? Dawudi n'ayogera nti Ebukiika obwa ddyo obwa Yuda n'obukiika obwa ddyo obw' Abayerameeri n'obukiika obwa ddyo obw' Abakeeni.
- 11 Dawudi n'atawonya musajja newakubadde omukazi okubaleeta e Gaasi, ng'ayogera nti Baleme okutuloopa nga boogera nti Bw'atyo Dawudi bwe yakola, era bwe yayisanga bw'atyo kasookedde atuula mu nsi ey' Abafirisuuti.
- 12 Awo Akisi n'akkiriza Dawudi n'ayogera nti Abantu be Isiraeri abatamiriddwa ddala; kyaliva abeera omuddu wange ennaku zonna.

Essuula 28

- 1 Awo olwatuuka mu nnaku ezo Abafirisuuti ne bakuaanyiza eggwe lyabwe entalo okulwana ne Isiraeri. Akisi n'agamba Dawudi nti Tegeerera ddala ng'olitabaala nange mu ggwe, ggwe n'abasajja bo.
- 2 Dawudi n'agamba Akisi nti Kyoliva otegeera omuddu wo by'alikola. Akisi n'agamba Dawudi nti Kyendiva nkufuula omukuumi w'omutwe gwange ennaku zonna.
- 3 Awo Samwiri yali afudde, ne Isiraeri yenna baali bamukaabidde, ne bamuziika mu Laama, mu kibuga kye ye. Era Sawulo yali aggye mu nsi abo abaaliko emizimu n'abafumu.
- 4 Awo Abafirisuuti ne bakuaana ne bajja ne basiisira e Sunemu: awo Sawulo n'akuaanya Isiraeri yonna ne basiisira ku Girubowa.
- 5 Awo Sawulo bwe yalaba eggwe ly' Abafirisuuti, n'atya, omwoyo gwe ne gukankana nnyo:
- 6 Awo Sawulo bwe yabuuzza Mukama, Mukama n'atamwanukula newakubadde mu birooto newakubadde mu Ulimu newakubadde mu bannabbi.
- 7 Awo Sawulo n'alyoka agamba abaddu be nti Munnoonyeze omukazi aliko omuzimu

ende gy'ali mubuuze. Abaddu be ne bamugamba nti Laba, waliwo omukazi aliko omuzimu e Endoli.

- 8 Sawulo ne yeekyusa n'ayambala ebyambalo ebirala n'agenda, ye n'abasajja babiri naye, be bajja eri omukazi ekiro: n'ayogera nti Ndagula, nkwegayiridde, n'omuzimu, onninnyisize buli gwe nnaakugambako erinnya.
- 9 Awo omukazi n'amugamba nti Laba, omanyi Sawulo bye yakola, bwe yazikiriza mu nsi abo abaliko emizimu, n'abafumu: kale kiki ekikuteeza obulamu bwange ekyambika okunzisa.
- 10 Sawulo n'alayirira Mukama ng'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu, tekulikubaako kibonerezo kyonna olw'ekigambo kino.
- 11 Awo omukazi n'ayogera nti Ani gwe mba nkulinnyisiza? N'ayogera nti Nninnyisiza Samwiri.
- 12 Awo omukazi bwe yalaba Samwiri, n'akaaba n'eddoboozi ddene: omukazi n'agamba Sawulo nti Onnimbidde ki? Kubanga ggwe oli Sawulo.
- 13 Kabaka n'amugamba nti Totya: kubanga olaba ki? Omukazi n'agamba Sawulo nti Ndaba katonda ng'ava mu ttaka ng'ayambuka.
- 14 N'amugamba nti Embala ye eri etya? N'ayogera nti Omukadde ayambuka; era yeenagiddeko omunagirowo. Sawulo n'ategeera nga Samwiri, n'avuunama amaaso ge ne yeeyanza.
- 15 Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti Lwaki okungolokosa okunninnyisa? Sawulo n'addamu nti Neeraliikiridde nnyo; kubanga Abafirisuuti balwana nange, era Katonda anvuddeko, so takyannyanukula newakubadde mu bannabbi newakubadde mu birooto: kyenvudde nkuyita ontegeeze bye mba nkola.
- 16 Awo Samwiri n'ayogera nti Obuuliza ki nze nno, Mukama ng'akuvuddeko era ng'afuuse mulabe wo?
- 17 Era Mukama yeekoledde omulimu, nga bwe yayogerera mu nze: era Mukama ayuzizza obwakabaka ng'abugya mu mukono gwo era abuwadde muliraanwa wo, Dawudi.
- 18 Kubanga tewagondera ddoboozi lya Mukama n'ototuukiriza kiruyi kye ekingi ku Amaleki, Mukama kyavudde akukola ekigambo kino leero.
- 19 Era nate Mukama anaagabula ne Isiraeri wamu naawe mu mukobo gw'Abafirisuuti: era enkya ggwe ne batabani bo banaaba nange: Mukama anaagabula n'eggye lya Isiraeri mu mukono gw'Abafirisuuti.
- 20 Awo Sawulo n'alyoka agwa ku ttaka ng'alambadde, n'atya nnyo, olw'ebigambo bya Samwiri: ne mutamusigalamu maanyi; kubanga yali talidde ku mmere yonna okuzibya obudde n'okukeesa.
- 21 Omukazi n'ajja eri Sawulo, n'alaba nga yeeraliikiridde nnyo, n'amugamba nti Laba, omuzaana wo awulidde eddoboozi lyo ne nteeka obulamu bwange mu mukono gwange ne mpulira ebigambo byo by'oambye.
- 22 Kale nno, nkwegayiridde, naawe wulira eddoboozi ly'omuzaana wo, era nteeke akamere mu maaso go; olye olyoke obe n'amaanyi bw'onoogenda.
- 23 Naye n'agaana n'ayogera nti Siirye. Naye abaddu be awamu n'omukazi ne bamuwaliriza; n'awulira eddoboozi lyabwe. Awo n'agolokoka okuva wansi n'atuula ku kitanda.
- 24 Era omukazi yalina ennyana eya ssava mu nnyumba; n'ayanguwa n'agitta; n'addirra obutta n'abugoya n'abwokya okuba omugaati ogutazimbulukuswa:
- 25 n'aguleeta mu maaso ga Sawulo ne mu maaso g'abaddu be; ne balya. Awo ne bagolokoka ne bagenda ekiro ekyo.

Essuula 29

- 1 Awo Abafirisuuti ne bakuaanyiza eggye lyabwe lyonna ku Afeki: Abaisiraeri ne basiisira ku luzzi oluli mu Yezuleeri.
- 2 Awo abaami b'Abafirisuuti ne bayitawo ebikumi n'ebikumi n'enkumi n'enkumi: Dawudi n'abasajja be ne bayitira wamu ne Akisi nga basemba.
- 3 Awo abakulu b'Abafirisuuti ne boogera nti Abaebbulaniya bakola ki wano Akisi n'agamba abakulu b'Abafirisuuti nti Ono si Dawudi, omuddu wa Sawulo kabaka wa Isiraeri, eyaakamala nange ennaku zino oba emyaka gino, so sirabanga kabi ku ye kasookedde asenga okutuusa leero?
- 4 Naye abakulu b'Abafirisuuti ne bamusunguwalira; abakulu b'Abafirisuuti ne bamugamba nti Muzzeeyo omusajja oyo addeyo mu kifo kye kye wamulagira, aleme okuserengetera awamu naffe mu lutalo, aleme okufuuka omulabe waffe mu lutalo kubanga olusajja luno lwandyetabaganyizza naki ne mukama we? si na mitwe gya basajja bano?
- 5 Ono si ye Dawudi gwe baayimbiraganako nga bazina, nga boogera nti Sawulo asse enkumi ze, Ne Dawudi obukumi bwe?
- 6 Awo Akisi n'ayita Dawudi n'amugamba nti Mukama nga bw'ali omulamu, wabanga mugolokofu, n'okufuluma kwo n'okuyingira awamu nange mu ggye kulungi mu maaso gange: kubanga sirabanga kabi ku ggwe okuva ku lunaku lwe wajja gye ndi ne leero: naye abaami tebakwagala.
- 7 Kale nno ddayo ogende mirembe oleme okunyiiza abaami b'Abafirisuuti.
- 8 Dawudi n'agamba Akisi nti Naye nkoze ki oba kiki ky'olabye ku muddu wo ebiro byonna bye nnaakamala nga ndi mu maaso go okutuusa leero, ekindobera okugenda ne nnwana n'abalabe ba mukama wange kabaka?
- 9 Akisi n'addamu n'agamba Dawudi nti Mmanyi ng'oli mulungi mu maaso gange nga malayika wa Katonda: naye abaami b'Abafirisuuti boogedde nti Tajja kwambuka naffe mu lutalo:
- 10 Kale nno golokoka enkya mu makya wamu n'abaddu ba mukama wo abajja naawe: awo amangu ago nga mugolokose enkya mu makya, obudde nga bukedde, mugende.
- 11 Awo Dawudi n'agolokoka mu makya, ye n'abasajja be, okugenda enkya, okuddayo mu nsi ey'Abafirisuuti. Abafirisuuti ne bambuka e Yezuleeri.

Essuula 30

- 1 Awo olwatuuka, Dawudi n'abasajja be bwe baatuuka e Zikulagi ku lunaku olw'okusatu, Abamaleki baali bamaze okukwekweta obukiika obwa ddyo ne Zikulagi, era nga bamaze okutta Zikulagi era nga bakyokezza omuliro;
- 2 era nga banyaze abakazi ne bonna abaali omwo, abato era n'abakulu: tebatta n'omu, naye baabanyaga ne babatwala ne bagenda.
- 3 Awo Dawudi n'abasajja be bwe baatuuka ku kibuga, laba, nga bakyokezza omuliro; ne bakazi baabwe ne batabani baabwe ne bawala baabwe nga babanyaze.
- 4 Awo Dawudi n'abantu abaali naye ne balyoka bayimusa eddoozi lyabwe ne bakaaba amaziga okutuusa lwe baggwaamu endasi ezikaaba,
- 5 Ne bakazi ba Dawudi bombi, Akinoamu Omuyezuleeri ne Abbigayiri mukazi wa Nabali Omukalumeeri, baali babanyaze:
- 6 Dawudi n'anakuwala nnyo; kubanga abantu baayogera ku kumukasuukirira amayinja, kubanga abantu bonna omwoyo gwabaluma, buli muntu ng'alumirwa batabani be ne bawala be: naye Dawudi ne yeenywereza mu Mukama Katonda we.
- 7 Awo Dawudi n'agamba Abiyasaali kabona, mutabani wa Akimereki, nti

- Nkwegayiridde, leeta eno ekkanzu. Abiyasaali n'aleetayo ekkanzu eri Dawudi.
- 8 Dawudi n'abuza Mukama ng'ayogera nti Bwe nnaagoberera ekibiina kino, ndibantukako? N'amuddamu nti Goberera: kubanga tolirema kubatunkako, era tolirema kubibasuuza byonna.
 - 9 Awo Dawudi n'agenda, ye n'abasajja olukaaga abaali naye, ne bajja ku kagga Besoli abasigala gye baatuula.
 - 10 Naye Dawudi n'agoberera, ye n'abasajja ebikumi bina: kubanga ebikumi bibiri baasigala, abaayongobera bwe batyo n'okuyinza ne batayiaza kusomoka kagga Besoli:
 - 11 ne basanga Omumisiri mu nsiko ne bamuleetera Dawudi ne bamuwa omugaati n'alya; ne bamunywesa amazzi:
 - 12 ne bamuwa ekitundu ky'ekitole eky'ettiini n'ebirimba bibiri eby'ezabbibu enkalu; awo bwe yalya omwoyo gwe ne gukomawo: kubanga yali ng'amaze ennaku ssatu emisana n'ekiro nga talya mugaati so nga tanywa n'amazzi.
 - 13 Awo Dawudi n'amugamba nti Ggwe oli musajja w'ani? era ova wa? N'ayogera nti Nze ndi mulenzi w'e Misiri, omuddu w'Omwamaleki; mukama wange yansuula kubanga ennaku ziri ssatu kasookedde ndwala.
 - 14 Twakwekweta obukiika obwa ddyo obw'Abakeresi n'ensi ya Yuda n'obukiika obwa ddyo obwa Kalebu; ne twokya Zikulagi omuliro.
 - 15 Dawudi n'amugamba nti Ononserengesa eri ekibiina kino? N'ayogera ati Ndayirira Katonda nga tolinzita so tolimpaayo mu mikono gya mukama wange, nange naakuserengesa eri ekibiina kino.
 - 16 Awo bwe yamuserengesa, laba, nga beesuddesudde ku ttaka lyonna, nga balya nga banywa, nga bafumba embaga, olw'omunyago omunene gwe baggya mu nsi ey'Abafirisuuti ne mu nsi ya Yuda.
 - 17 Awo Dawudi n'abatta okutanula ekiro okutuusa olw'enkya lwe lwawungeera: ne watawonako n'omu, wabula abalenzi ebikumi bina abeebagala eamira ne badduka.
 - 18 Dawudi n'asuza byonna Abamaleki bye baali banyaze: Dawudi n'awonya bakazi be bombi.
 - 19 Ne batabulwa kintu, oba kitono oba kinene, newakubadde abaana ab'obulenzi newakubadde ab'obuwala newakubadde omunyago newakubadde ekintu kyonna kye baali beenyagidde: Dawudi n'akomyawo byonna.
 - 20 Dawudi n'atwala endiga n'ente zonna, ze baagoba okukulembera ensolo ezo endala, n'ayogera nti Guno gwe munyago gwa Dawudi.
 - 21 Dawudi n'ajja eri abasajja ebikumi ebibiri, abaayongobera bwe batyo n'okuyinza ne batayinza kugoberera Dawudi, era be baatuuzza ku kagga Besoli: ne bafuluma okusisinkana ne Dawudi n'okusisinkana n'abantu abaali naye: awo Dawudi bwe yasemberera abantu, n'abalamusa.
 - 22 Awo abantu bonna ababi n'abantu ba Beriali ku abo abaagenda ne Dawudi ne baddamu ne boogera nti Kubanga tebaagenda naffe, tetujja kubawa ku munyago gwe tubasuuzizza, wabula buli muntu mukazi we n'abaana be, babatwale bagende.
 - 23 Awo Dawudi n'ayogera nti Baganda bange, si bwe mugenda kukola ebyo Mukama by'atuwadde, atuwonyezza n'agabula mu mukono gwaffe ekibiina ekyatutabaala.
 - 24 Era ani anaabawulira mu kigamho ekyo? kuba omugabo gw'oyo aserengeta mu lutalo nga bwe guli, bwe gutyo bwe gunaabeera omugabo gw'oyo asigala ku bintu: banaagabana okwenkanankana.
 - 25 Awo olwatuuka okuva ku lunaku olwo n'alifuula etteeka n'empisa eri Isiraeri ne leero.
 - 26 Awo Dawudi bwe yatuuka e Zikulagi, n'aweereza abakadde ba Yuda, mikwano gye, ku munyago ng'ayogera nti Laba ekirabo kyammwe eky'oku munyago gw'abalabe ba Mukama;

- 27 abo abaali mu Beseri, n'abo abaali mu Lamosi eky'obukiika obwa ddyo, n'abo abaali mu Yattiri;
- 28 n'abo abaali mu Aloweri, n'abo abaali mu Sifumosi, n'abo abaali mu Esutemoa;
- 29 n'abo abaali mu Lakali, n'abo abaali mu bibuga eby'Abayerameeri, n'abo abaali mu bibuga eby'Abakeeni;
- 30 n'abo abaali mu Koluma, n'abo abaali mu Kolasani, n'abo abaali mu Asaki;
- 31 n'abo abaali mu Kebbulooni, n'ebifo byonna Dawudi yennyini n'abasajja be gye baamanyiiranga okubeera.

Essuula 31

- 1 Awo Abafirisuuti ne balwana ne Isiraeri: abasajja ba Isiraeri ne badduka mu maaso g'Abafirisuuti, ne bagwa nga battiddwa ku lusozi Girubowa.
- 2 Abafirisuuti ne bacocca Sawulo ne batabani be; Abafirisuuti ne batta Yonasaani ne Abinadaabu ne Malukisuwa, batabani ba Sawulo.
- 3 Olutalo ne lumuba bubi Sawulo, abalasi ne bamutuukako; ne yeeraliikirira nnyo olw'abalasi.
- 4 Awo Sawulo n'agamba oyo eyatwalanga ebyokulwanyisa bye nti Sowola ekitala kyo onfumitire ddala nakyo; abatali bakomole abo baleme okujja ne banfumita ne ban-swaza. Naye eyatwalanga ebyokulwanyisa bye n'agaana; kubanga yatya nnyo. Sawulo kyeyava addira ekitala kye n'akigwako.
- 5 Awo eyatwalanga ebyokulwanyisa bye bwe yalaba Sawulo ng'afudde, era naye n'agwa ku kitala kye n'afiira wamu naye.
- 6 Sawulo n'afa bw'atyo, ne batabani be bonsatule, n'oyo eyatwalanga ebyokulwanyisa bye, n'abasajja be bonna, ku lunaku olwo wamu.
- 7 Awo abasajja ba Isiraeri abaali emitala w'ekiwonvu n'abo abaali emitala wa Yoludaani bwe baalaba abasajja ba Isiraeri nga badduse, ne Sawulo ne batabani be nga bafudde, awo ne baleka ebibuga ne badduka; Abafirisuuti ne bajja ne babibeeramu.
- 8 Awo olwatuuka enkya Abafirisuuti bwe bajja okunyaga abafu, ne basanga Sawulo ne batabani be bonsatule nga bagudde ku lusozi Girubowa.
- 9 Ne bamusalako omutwe, ne bamuggyako ebyokulwanyisa bye, ne batuma mu nsi ey'Abafirisuuti enjuyi zonna, okubuulira ebighambo ebyo mu masabo omwali ebi-faananyi byabwe ne mu bantu.
- 10 Ne bateeka ebyokulwanyisa bye mu nnyumba ya Baasutaloosi: ne basiba omulambo gwe ku bbugwe ow'e Besusani.
- 11 Awo ab'e Yabesugireyaadi bwe baamuwulirako ekyo Abafirisuuti kye baakola Sawulo,
- 12 awo abazira bonna ne bagolokoka ne batambula ne bakeesa obudde ne baggya omulambo gwa Sawulo n'emirambo gya batabani be ku bbugwe w'e Besusani, ne bajja e Yabesi ne bagyokera eyo.
- 13 Ne baddira amagumba gaabwe, ne bagaziika wansi w'omumyuliru e Yabesi ne basi-ibira ennaku musanvu.

2 Samwiri

Essuula 1

- 1 Awo olwatuuka Sawulo ng'amaze okufa, Dawudi ng'akomyewo ng'amaze okutta Abamaleki, era Dawudi ng'amaze ennaku bbiri e Zikulagi:
- 2 awo olwatuuka ku lunaku olw'okusatu, laba, omusajja n'ava mu lusiisira eri Sawulo ng'ayuzizza ebyambalo bye n'ettaka nga liri ku mutwe gwe: awo olwatuuka bwe yajja eri Dawudi, n'avuunama ne yeeyanza.
- 3 Dawudi n'amugamba nti Ova wa? N'amugamba nti Mponye mu lusiisira lwa Isiraeri.
- 4 Dawudi n'amugamba nti Byali bitya? Nkwegayiridde, mbuulira. N'addamu nti Abantu badduse mu lutalo, era n'abantu bangi bagudde bafudde; ne Sawulo ne Yonasaani mutabani we bafudde nabo.
- 5 Dawudi n'agamba omulenzi eyamubuulira nti Omanyira ku ki nga Sawulo ne Yonasaani mutabani we bafudde?
- 6 Omulenzi eyamubuulira n'ayogera nti Bwe nnali ndi awo ku lusozi Girubowa, laba, Sawulo ne yeesigama ku ffumu lye; awo, laba, amagaali n'abeebagala embalaasi ne bamucocca.
- 7 Awo bwe yakebuka, n'andaba n'ampita. Ne nziramu nti Nze nzuuno.
- 8 N'aamba nti Ggwe ani? Ne mmuddamu nti Nze ndi Mwamaleki.
- 9 N'aamba nti Nkwegayiridde, yimirira ku mabbali gange onzite, kubanga obubalagaze bunkutte; kubanga obulamu bwange bukyali bulamu mu nze.
- 10 Awo ne nnyimirira ku mabbali ge, ne mmutta, kubanga nategeerera ddala nga tayinza kuba mulamu ng'amaze okugwa: ne ntuala engule eyali ku mutwe gwe n'ekikomo ekyali ku mukono gwe, era mbireese wano eri mukama wange.
- 11 Awo Dawudi n'akwata engoye ze n'aziyuza; era bwe batyo abasajja bonna abaali naye:
- 12 ne bawuubaala ne bakaaba amaziga ne basiiba ne bazibya obudde, olwa Sawulo n'olwa Yonasaani mutabani we n'olw'abantu ba Mukama n'olw'ennyumba ya Isiraeri; kubanga bagudde n'ekitala.
- 13 Dawudi n'agamba omulenzi eyamubuulira nti Oli wa wa? N'addamu nti Ndi mwana wa munnaggwanga, Omwamaleki.
- 14 Dawudi n'amugamba nti Kiki ekyakulobera okutya okugolola omukono gwo okuzikiriza oyo Mukama gwe yafukako amafuta?
- 15 Dawudi n'ayita omu ku balenzi n'ayogera nti Sembera omugweko. N'amufumita n'afa.
- 16 Dawudi n'amugamba nti Omusaayi gwo gubeere ku mutwe gwo; kubanga akamwa ko ye mujulirwa gy'oli ng'oyogera nti Nzise oyo Mukama gwe yafukako amafuta.
- 17 Awo Dawudi n'akungubagira Sawulo ne Yonasaani mutabani we okukungubaga kuno:
- 18 n'alagira okuyigiriza abaana ba Yuda (oluyimba) olw'omutege: laba, lwawandiikibwa mu kitabo kya Yasali.
- 19 Ekitiibwa kyo, ai Isiraeri, kittiddwa ku bifo byo ebigulumivu. Ab'amaanyi nga bagudde!
- 20 Temukibuuliranga mu Gaasi, Temukyatulanga mu nguudo za Asukulooni; Abawala b'Abafirisuuti baleme okusanyuka, Abawala b'abatali bakomole baleme okujaguza.
- 21 Mmwe ensozi za Girubowa, Ku mmwe kuleme okubaako omusulo newakubadde enkuba, newakubadde ensuku ez'ebiweebwayo: Kubanga eyo engabo ey'ab'amaanyi gye yasuulibwa obubi, Engabo ya Sawulo, ng'ataafukibwako mafuta.
- 22 Omutege gwa Yonasaani tegwakyukanga nnyuma Okuva ku musaayi gw'abattibwa,

- ku masavu g'ab'amaanyi, N'ekitala kya Sawulo tekyakomangawo nga kyereere.
- 23** Sawulo ne Yonasaani baali balungi era ba kusanyusa mu bulamu bwabwe, Ne mu kufa kwabwe tebaayawulibwa; Baali ba mbiro okusinga empungu, Baali ba maanyi okusinga empologoma.
- 24** Mmwe abawala ba Isiraeri, mukaabire Sawulo, Eyabambaza engoye ezitwakaala ez'okwesiima, Eyayonja ebyambalo byammwe ne zaabu.
- 25** Ab'amaanyi nga bagudde wakati mu lutalo! Yonasaani attiddwa ku bifo byo ebigulumivu.
- 26** Nkununakwalidde, muganda wange Yonasaani: Wansanyusanga nnyo nnyini: Okwagala kwo gye ndi kwali kwa kitalo, Nga kusinga okwagala kw'abakazi.
- 27** Ab'amaanyi nga bagudde, N'ebiyokulwanyisa nga bizikiridde!

Essuula 2

- 1** Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Dawudi n'abuza Mukama ng'ayogera nti Nnyambuke mu kyonna ku bibuga bya Yuda? Mukama n'amugamba nti Yambuka. Dawudi n'ayogera nti Naayambuka wa? N'ayogera nti e Kebbulooni.
- 2** Awo Dawudi n'ayambukayo, era ne bakazi be bombi, Akinoamu Omuyezuleeri ne Abbigayiri mukazi wa Nabali Omukalumeeri.
- 3** N'abasajja be abaali naye n'abambusa, buli muntu n'ab'omu nnyumba ye: ne babeera mu bibuga eby'omu Kebbulooni.
- 4** Awo abasajja ba Yuda ne bajja, ne bafukira eyo amafuta ku Dawudi okuba kabaka w'ennyumba ya Yuda. Ne bamubuulira Dawudi nti ab'e Yabesugireyaadi be baaziika Sawulo.
- 5** Awo Dawudi n'atumira ab'e Yabesugireyaadi ababaka n'abagamba nti Muweebwe Mukama omukisa, kubanga mwalaga mukama wammwe ekisa kino, ye Sawulo, ne mumuziika.
- 6** Era nno Mukama abalagenga ekisa n'amazima: nange ndibasasula ekisa kino, kubanga mwakola ekigambo kino.
- 7** Kale nno emikono gyammwe gibe n'amaanyi, era mube bazira: kubanga Sawulo mukama wammwe afudde, era ennyumba ya Yuda banfuseeko amafuta okuba kabaka waabwe.
- 8** Era Abuneeri mutabani wa Neeri, omukulu w'eggye lya Sawulo, yali atutte Isubosesi mutabani wa Sawulo, n'amusomosa n'amutwala e Makanayimu;
- 9** n'amufuula kabaka w'e Gireyaadi era ow'Abasuuli era ow'e Yezuleeri era owa Efulayimu era owa Benyamini era owa Isiraeri yenna.
- 10** (Isubosesi mutabani wa Sawulo yali yaakamaze emyaka ana bwe yatanula okufuga Isiraeri, n'afugira emyaka ebiri.) Naye ennyumba ya Yuda ne bagoberera Dawudi.
- 11** N'ebiro Dawudi bye yamala nga ye kabaka w'ennyumba ya Yuda mu Kebbulooni byali myaka musanvu ko emyezi mukaaga.
- 12** Awo Abuneeri mutabani wa Neeri n'abaddu ba Isubosesi mutabani wa Sawulo ne bava e Makanayimu ne bagenda e Gibyoni.
- 13** Yowaabu mutabani wa Zeruyiya n'abaddu ba Dawudi ne bafulumu ne basisinkana nabo ku kidiba eky'e Gibyoni; ne batuula, bano emitala w'eno w'ekidiba, na bali emitala w'eri w'ekidiba.
- 14** Awo Abuneeri n'agamba Yowaabu nti Nkwegayiridde, abalenzi bagolokoke bazannyire mu maaso gaffe. Yowaabu n'ayogera nti Bagolokoke.
- 15** Awo ne bagolokoka ne basomoka nga babaliddwa; aba Benyamini ne Isubosesi mutabani wa Sawulo kkumi na babiri, ne ku baddu ba Dawudi kkumi na babiri.
- 16** Ne bakwata buli muntu munne omutwe, ne bafumita buli muntu olubiriizi lwa munne

n'ekitala; awo ne bagwira wamu: ekifo ekyo kyekyava kiyitibwa Kerukasu-kazzulimu, ekiri mu Gibyoni.

- 17 Olutalo ne luba lukakanyavu nnyo ku lunaku olwo; Abuneeri n'agobebwa n'abasajja ba Isiraeri mu maaso g'abaddu ba Dawudi.
- 18 Era batabani ba Zeruyiya bonsatule baali eyo, Yowaabu ne Abisaayi ne Asakeri: era Asakeri yali wa mbiro ng'empeewo ey'omu ttale.
- 19 Asakeri n'agoberera Abuneeri; awo ng'agenda nga takyama ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono okugoberera Abuneeri.
- 20 Awo Abuneeri n'akebuka n'ayogera nti Asakeri, ggwe wuuyo? N'addamu nti Nze nzuuno.
- 21 Awo Abuneeri n'amugamba nti Kyama ku mukono gwo ogwa ddyo oba ku gwa kkono, okwate omu ku balenzi weetwalire ebyokulwanyisa bye. Naye Asakeri n'atakkiriza kukyama obutamugoberera.
- 22 Awo Abuneeri n'agamba Asakeri nate nti Kyama obutangoberera: kiki ekinaaba kikunkubya wansi? awo ndimuyimusiza ntya amaaso gange Yowaabu muganda wo?
- 23 Naye n'agaana okukyama: Abuneeri kyeyava amufumita olubuto n'omuwunda gw'effumu, effumu ne liyitamu ne ligukkira ennyuma we; n'agwira awo n'afiira mu kifo omwo: awo olwatuuka abo bonna abaatuuka mu kifo Asakeri we yagwira n'afa ne bayimirira.
- 24 Naye Yowaabu ne Abisaayi ne bagoberera Abuneeri: awo enjuba n'egwa nga batuuse ku lusozi Amma, oluli mu maaso g'e Giya mu kkubo ery'eddungu ery'e Gibyoni.
- 25 Awo abaana ba Benyamini ne bakuaanira ku Abuneeri, ne bafuuka ekibiina kimu, ne bayimirira ku ntikko y'olusozi.
- 26 Awo Abuneeri n'akoowoola Yowaabu n'ayogera nti Ekitala kirirya ennaku zonna? tomanyi nga walibaaawo obubalagaze ku nkomerero ey'oluvannyuma? kale olituusa wa obutalagira bantu kuddayo obutagoberera baganda baabwe?
- 27 Yowaabu n'ayogera nti Katonda nga bw'ali omulamu, singa toyogedde, kale enkya abantu tebandiremye kugenda, so tebandigoberedde buli muntu muganda we.
- 28 Awo Yowaabu n'afuuwa ekkondeere abantu bonna ne bayimirira, so tebeeyongera kugoberera Isiraeri, so tebaalwana nate lwa kubiri.
- 29 Awo Abuneeri n'abasajja be ne batambula mu Alaba ne bakeesa obudde; ne basomoka Yoludaani, ne bayita mu Bisulooni yonna ne bajja e Makanayimu.
- 30 Awo Yowaabu n'addayo ng'alese okugoberera Abuneeri: awo bwe yakuaanya abantu bonna, ku baddu ba Dawudi nga kubuzeeko abasajja kkumi na mwenda ne Asakeri.
- 31 Naye abaddu ba Dawudi baali bafumise bwe batyo ku Benyamini n'abasajja ba Abuneeri n'okufa ne wafa abasajja ebikumi bisatu mu nkaaga.
- 32 Ne basitula Asakeri ne bamuziika mu ntaana ya kitaawe eyali mu Besirekemu. Yowaabu n'abasajja be ne batambula ne bakeesa obudde, ne bubakeererera e Kebbulooni.

Essuula 3

- 1 Awo ne wabangawo obulwa bungi eri ennyumba ya Sawulo n'ennyumba ya Dawudi: Dawudi ne yeeyongerayongeranga okuba n'amaanyi, naye ennyumba ya Sawulo ne yeeyongerayongeranga okuba ennafu.
- 2 Awo Dawudi n'azaalirwa abaana ab'obulenzi e Kebbulooni: n'omubereberye yali Amunoni, owa Akinoamu Omuyezuleeri;
- 3 n'ow'okubiri Kireyaabu, owa Abbigayiri mukazi wa Nabali Omukalumeeri; n'ow'okusatu Abusaalomu mutabani wa Maaka muwala ma Talumaayi kabaka w'e Gesuli;

- 4 n'ow'okuna Adoniya mutabani wa Kaggisi; n'ow'okutaano Sefatiya mutabani wa Abitali;
- 5 n'ow'omukaaga Isuleyamu, owa Egula mukazi wa Dawudi. Abo be baazaalirwa Dawudi e Kebbulooni.
- 6 Awo olwatuuka obulwa nga bukyaliwo eri ennyumba ya Sawulo n'ennyumba ya Dawudi, Abuneeri ne yeefuula ow'amaanyi mu nnyumba ya Sawulo.
- 7 Era Sawulo yalina omuzaana, erinnya lye Lizupa, muwala wa Aya: (Isubosesi) n'agamba Abuneeri nti Kiki ekikuyingizizza eri muzaana wa kitange?
- 8 Awo ebigambo bya Isubosesi ne bisunguwaza nnyo Abuneeri, n'ayogera nti Nze mutwe gw'embwa ogwa Yuda? Leero ndaga ekisa ennyumba ya Sawulo kitaawo, baganda be, ne mikwano gye, ne sikuwaayo mu mukono gwa Dawudi, era naye onnanze omusango ogw'omukazi oyo.
- 9 Katonda akole bw'atyo Abuneeri n'okukirawo, bwe sirikolera ddala Dawudi nga Mukama bwe yamulayirira;
- 10 okuggya obwakabaka ku nnyumba ya Sawulo, n'okusimba entebe ya Dawudi okufuga Isiraeri ne Yuda, okuva ku Ddaani okutuuka e Beeruseba.
- 11 N'atayinza kumwanukula Abuneeri kigambo kirala, kubanga yamutya.
- 12 Awo Abuneeri n'atumira Dawudi ababaka ku bubwe ye, ng'ayogera nti Nannyini nsi ye ani? era nti Lagaana nange, era, laba, omukono gwange guliba naawe okukukyukiza Isiraeri yenna.
- 13 N'ayogera nti Kale; ndiragaana naawe: naye waliwo ekimu kye nkussaako nga toliraba maaso gange, bw'otolimala kuleeta Mikali muwala wa Sawulo, bw'olijja okulaba amaaso gange.
- 14 Awo Dawudi n'atumira Isubosesi mutabani wa Sawulo ababaka ng'ayogera nti Mpa mukazi wange Mikali gwe nnayogereza n'ebikuta ekikumi eby'Abafirisuuti.
- 15 Awo Isubosesi n'atuma n'amuggya ku bba, ye Palutieri mutabani wa Layisi.
- 16 Bba n'agenda naye ng'agenda ng'akaaba, n'amugoberera e Bakulimu. Awo Abuneeri n'amugamba nti Genda oddeyo: n'addayo.
- 17 Awo Abuneeri n'ateesa n'abakadde ba Isiraeri ng'ayogera nti Mu biro eby'edda mwayagala Dawudi okuba kabaka wammwe:
- 18 kale nno kaakano mukikole: kubanga Mukama yayogera ku Dawudi nti Mu mukono gw'omuuddu wange Dawudi bwe ndirokola abantu bange Isiraeri mu mukono gw'Abafirisuuti ne mu mukono gw'abalabe baabwe bonna.
- 19 Abuneeri n'ayogera ne mu matu ga Benyamini: era Abuneeri n'agenda okwogera ne mu matu ga Dawudi e Kebbulooni byonna Isiraeri n'ennyumba yonna eya Benyamini bye baasiima.
- 20 Awo Abuneeri n'ajja eri Dawudi e Kebbulooni n'abasajja amakumi abiri wamu naye. Dawudi n'afumbira embaga Abuneeri n'abasajja abaali naye.
- 21 Awo Abuneeri n'agamba Dawudi nti Naagolokoka ne enda ne nkuaanya Isiraeri yenna eri mukama wange kabaka, balagaane endagaano naawe, era ofuge bonna emmeeme yo be yeegomba. Dawudi n'asindika Abuneeri n'agenda mirembe.
- 22 Awo, laba, abaddu ba Dawudi ne Yowaabu ne bakomawo okukwekweta, ne baleeta nabo omunyago omungi: naye Abuneeri teyali ne Dawudi e Kebbulooni; kubanga yali amusindise, naye ng'agenze mirembe.
- 23 Awo Yowaabu n'eggye lyonna eryali naye bwe baatuuka, ne babuulira Yowaabu nti Abuneeri mutabani wa Neeri yazze eri kabaka, era yamusindise, era yagenze mirembe.
- 24 Awo Yowaabu n'ajja eri kabaka n'ayogera nti Okoze ki? laba, Abuneeri yazze gy'oli; wamusindikide ki, era agendedde ddala?
- 25 Omanyi Abuneeri mutabani wa Neeri ng'azze okukulimba n'okumanya bw'ofuluma

n'oyingira n'okumanya byonna by'okola:

- 26 Awo Yowaabu bwe yafuluma okuva eri Dawudi, n'atuma ababaka okugoberera Abuneeri, ne bamukomyawo okuva ku luzzi lwa Siira: naye Dawudi n'atakimanya.
- 27 Awo Abuneeri bwe yakomawo e Kebbulooni, Yowaabu n'amwawulamu n'amutwala mu mulyango wakati okwogera naye mu kyama, n'amufumitira eyo olubuto, n'afa, olw'omusaayi gwa Asakeri muganda we.
- 28 Awo oluvannyuma Dawudi bwe yakiwulira n'ayogera nti Nze n'obwakabaka bwange tetuliiko musango mu maaso ga Mukama ennaku zonna ogw'omusaayi gwa Abuneeri mutabani wa Neeri:
- 29 gugwe ku mutwe gwa Yowaabu ne ku nnyumba yonna eya kitaawe; so mu nnyumba ya Yowaabu temubulanga muziku oba mugenge oba eyeesigama ku muggo oba agwa n'ekitala oba abulwa emmere.
- 30 Bwe batyo Yowaabu ne Abisaayi muganda we bwe batta Abuneeri, kubanga yali asse muganda waabwe Asakeri e Gibyoni mu lutalo.
- 31 Awo Dawudi n'agamba Yowaabu n'abantu bonna abaali naye nti Muyuze engoye zammwe mwesibe ebibukutu mukaabe mu maaso ga Abuneeri. Kabaka Dawudi n'agoberera olunyo.
- 32 Ne baziika Abuneeri e Kebbulooni: kabaka n'ayimusa eddoboosi lye n'akaaba ku ntaana ya Abuneeri; abantu bonna ne bakaaba amaziga.
- 33 Kabaka n'akungubagira Abuneeri n'ayogera nti Abuneeri yandifudde ng'omusirusiru bw'afa?
- 34 Emikono gyo tegyasibibwa, so n'ebigere byo tebyatekeebwa mu masamba: Ng'omuntu bw'agwa mu maaso g'abaana b'obutali butuukirivu, bwe wagwa bw'otyo. Abantu bonna ne bamukaabira nate amaziga.
- 35 Abantu bonna ne bajja okuliisa Dawudi emmere obudde nga bukyali misana; naye Dawudi n'alayira ng'ayogera nti Katonda ankole bw'atyo n'okukirawo, bwe nnaakomba ku mmere oba ku kirala kyonna, okutuusa enjuba lw'eneegwa.
- 36 Abantu bonna ne bakitegeera ne kibasanyusa: era nga byonna kabaka bye yakola bwe byasanyusanga abantu bonna.
- 37 Awo abantu bonna ne Isiraeri yenna ne bategeera ku lunaku olwo nga tekyava eri kabaka okutta Abuneeri mutabani wa Neeri.
- 38 Kabaka n'agamba abaddu be nti Temumanyi nga mu Isiraeri mugudde leero omusajja omukulu era ow'ekitiibwa.
- 39 Nange leero ndi munafu newakubadde nga nfukiddwako amafuta okuba kabaka: n'abasajja bano batabani ba Zeruyiya bannyinze obukakanyavu: Mukama asasule akoze ekibi ng'obubi bwe bwe buli.

Essuula 4

- 1 Awo Isubosesi mutabani wa Sawulo bwe yawulira Abuneeri ng'afiridde e Kebbulooni, emikono gye ne giyongobera, Abaisiraeri bonna ne beeraliikirira.
- 2 Era Isubosesi mutabani wa Sawulo yalina abasajja babiri abaami b'ebibiina: omu erinnya lye Baana n'ow'okubiri erinnya lye Lekabu, batabani ba Limmoni Omubeerosi ow'oku baana ba Benyamini: (kubanga ne Beerosi kibalirwa Benyamini: ab'e Beerosi ne baddukira e Gittayimu ne babeera eyo na guno gujwa.)
- 3 Era Yonasaani mutabani wa Sawulo yalina omwana eyalemala ebigere. Yali yaakamaze emyaka etaano ebigambo bwe byatuuka okuva mu Yezuleeri ebya Sawulo ne Yonasaani, omulezi we n'amusitula n'adduka: awo olwatuuka bwe yayanguwa okuduka n'agwa n'alemala. N'erinnya lye lyali Mefibosesi.
- 5 Awo batabani ba Limmoni Omubeerosi, Lekabu ne Baana, ne bagenda ne batuuka mu

- nnyumba ya Isubosesi omusana nga gukazizza, bwe yali ng'awummudde mu ttuntu:
- 6 Ne bajjajo wakati mu nnyumba ng'abaagala okukima eaano; ne bamufumita olubuto: Lekabu ne Baana muganda we ne bawona.
 - 7 Awo bwe baatuuka mu nnyumba, ng'agalamidde ku kitanda kye mu nju ye, ne bamufumita ne bamutta, ne bamusalako omutwe, ne batwala omutwe gwe, ne batambula mu kkubo erya Alaba ne bakeesa obudde.
 - 8 Ne bamuleetera Dawudi omutwe gwa Isubosesi e Kebbulooni, ne bagamba kabaka nti Laba omutwe gwa Isubosesi mutabani wa Sawulo omulabe wo eyanoonya obulamu bwo: era Mukama awalanye eggwanga lya mukama wange kabaka leero ku Sawulo ne ku zzadde lye.
 - 9 Awo Dawudi n'addamu Lekabu ne Baana muganda we, batabani ba Limmoni Omubeerosi, n'abagamba nti Mukama nga bw'ali omulamu eyanunula emmeeme yange mu kulaba ennaku kwonna,
 - 10 omuntu bwe yambuulira nti Laba, Sawulo afudde, ng'alowooza okuleeta ebigambo ebirungi, awo ne mmukwata ne mmuttira e Zikulagi, ye mpeera gye nnamuwa olw'ebigambo bye.
 - 11 Kale, abantu ababi nga battidde omuntu omutuukirivu mu nnyumba ye ku kitanda kye, sirisinga nnyo kaakano kuvunaana musaayi gwe mu mukono gwammwe, ne mbaggya ku nsi?
 - 12 Awo Dawudi n'alagira abalenzi be, ne babatta ne babasalako engalo n'ebigere ne babiwanika ku mabbali g'ekidiba e Kebbulooni. Naye ne batwala omutwe gwa Isubosesi ne baguziika mu ntaana ya Abuneeri e Kebbulooni.

Essuula 5

- 1 Awo ebika byonna ebya Isiraeri ne bajja eri Dawudi e Kebbulooni, ne boogera nti Laba, tuli magumba go era mubiri gwo.
- 2 Mu biro eby'edda, Sawulo nga ye kabaka waffe, ggwe wafulumya n'oyingiza Isiraeri: Mukama n'akugamba nti Ggwe olirunda abantu bange Isiraeri, era ggwe oliba mukulu wa Isiraeri.
- 3 Awo abakadde bonna aba Isiraeri ne bajja eri kabaka e Kebbulooni; kabaka Dawudi n'alagaanira nabo endagaano e Kebbulooni mu maaso ga Mukama: ne bamufukako Dawudi amafuta okuba kabaka wa Isiraeri.
- 4 Dawudi yali yaakamaze emyaka asatu bwe yatanula okufuga, n'afugira emyaka ana.
- 5 Yafugira Yuda e Kebbulooni emyaka musanvu ko emyezi mukaaga: ne mu Yersaalemi yafugira Isiraeri yenna ne Yuda emyaka asatu mu esatu.
- 6 Awo kabaka n'abasajja be ne bagenda e Yersaalemi okulwana n'Abayebusi, abaatuula mu nsi: abaagamba Dawudi nti Bw'otolimalawo bazibe ba maaso n'abawenyera, toliyingira muno: nga balowooza nti Dawudi tayinza kuyingira muno.
- 7 Era naye Dawudi n'amenya ekigo kye Sayuuni; ekyo kye kibuga kya Dawudi.
- 8 Dawudi n'ayogera ku lunaku olwo nti Buli anatta Abayebusi, ayambuke awali olusalosalalo atte abazibe b'amasso n'abawenyera emmeeme ya Dawudi b'ekyawa. Kyebaava boogera nti Waliwo abazibe b'amasso n'abawenyera; tayinza kuyingira mu nnyumba.
- 9 Dawudi n'abeera mu kigo n'akiyita ekibuga kya Dawudi. Era Dawudi yazimba okwe-tooloola okuva e Miro n'okuzza munda.
- 10 Awo Dawudi ne yeeyongerayongeranga okuba omukulu; kubanga Mukama, Katonda ow'eggye, yali naye.
- 11 Awo Kiramu kabaka w'e Ttuulo n'atumira Dawudi ababaka n'emivule n'ababazzi n'abazimbi b'amayinja; ne bazimbira Dawudi ennyumba.
- 12 Awo Dawudi n'ategeera nga Mukama amunywezezza okuba kabaka wa Isiraeri, era

nga agulumizizza obwakabaka bwe ku lw'abantu be Isiraeri.

- 13 Awo Dawudi ne yeeyongerera okuwasa abazaana n'abakazi ng'abaggya mu Yerusaalemi, ng'amaze okuva e Kebbulooni: Dawudi n'azaalirwa nate abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 14 Era gano ge mannya g'abo abaamuzaalirwa mu Yerusaalemi; Sammuwa ne Sobabu ne Nasani ne Sulemaani,
- 15 ne Ibali ne Eriswa; ne Nefegi ne Yafiya;
- 16 ne Erisaama ne Eriyada ne Erifereti.
- 17 Awo Abafirisuuti bwe baawulira nga bamaze okumufukako Dawudi amafuta okuba kabaka wa Isiraeri, Abafirisuuti bonna ne bambuka okunoonya Dawudi; Dawudi n'akiwulira n'aserengeta mu mpuku.
- 18 Awo Abafirisuuti baali bazze ne bayanjaala mu kiwonvu Lefayimu.
- 19 Awo Dawudi n'abuuza Mukama nti Nnyambuke eri Abafirisuuti? on'obagabula mu mukono gwange? Mukama n'agamba Dawudi nti Yambuka: kubanga siireme kugabula Bafirisuuti mu mukono gwo.
- 20 Dawudi n'ajja e Baaluperazimu, Dawudi n'abakubira eyo; n'ayogera nti Mukama amenye abalabe bange, ng'amazzi bwe gamenya. Kyeyava atuuma ekifo ekyo erinnya lyakyo Baalupera.
- 21 Ne baleka eyo ebifaananyi byabwe, Dawudi n'abasajja be ne babitwala.
- 22 Awo Abafirisuuti ne beeyongerera okwambuka olw'okubiri ne bayanjaala mu kiwonvu Lefayimu.
- 23 Awo Dawudi bwe yabuuza Mukama n'ayogera nti Toyambuka: weetooloole ennyuma waabwe obafulume mu maaso g'emitugunda.
- 24 Awo olunaatuuka bw'onoowulira eddobozi ery'okutambula ku masanso g'emitugunda, n'olyoka ogolokoka: kubanga awo Mukama ng'akukulembedde okukuba eggye ly'Abafirisuuti.
- 25 Awo Dawudi n'akola bw'atyo nga Mukama bwe yamulagira; n'atta Abafirisuuti okuva e Geba okutuusa lwe yatuuka e Gezeri.

Essuula 6

- 1 Awo Dawudi n'akuaanya nate abasajja bonna abalonde aba Isiraeri, obukumi busatu.
- 2 Sawudi n'agolokoka n'agenda n'abantu bonna abaali naye, okuva e Baale Yuda okuggyayo ssanduuko ya Katonda okugirinnyisa, eyitibwa Erinnya lyennyini, erinnya lya Mukama ow'eggye atuula ku bakerubi.
- 3 Ne bateeka ssanduuko ya Katonda ku ggaali empya, ne bagiggya mu nnyumba ya Abinadaabu eyali ku lusozi: Uzza ne Akiyo, batabani ba Abinadaabu, ne bagoba eggaali empya.
- 4 Ne bagiggya mu nnyumba ya Abinadaabu eyali ku lusozi n'essanduuko ya Katonda: Akiyo n'akulembera ssanduuko.
- 5 Dawudi n'ennyumba yonna eya Isiraeri ne bakubira mu maaso ga Mukama ebintu eby'emiberosi eby'engeri zonna n'ennanga n'entongooli n'ebitaasa n'ensaasi n'ebisaala.
- 6 Awo bwe baatuuka mu gguuliro lya Nakoni, Uzza n'agolola omukono gwe ku ssanduuko ya Katonda n'agikwatako; kubanga ente yeesittala.
- 7 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuuka ku Uzza; Katonda n'amukubira eyo olw'ekyoonoono kye; n'afiira awo awali ssanduuko ya Katonda.
- 8 Awo Dawudi n'anyiiga kuba Mukama awamatukidde Uzza: n'ayita ekifo ekyo Perezuzza, ne leero.
- 9 Dawudi n'atya Mukama ku lunaku olwo; n'ayogera nti Essanduuko ya Mukama erijja

etya gye ndi?

- 10 Awo Dawudi n'atayagala kujjulula ssanduuko ya Mukama okugireeta gy'ali, mu kibuga kya Dawudi; naye Dawudi n'agikyamy n'agiyingiza mu nnyumba ya Obededomu Omugitti.
- 11 Awo essanduuko ya Mukama n'emala emyezi esatu mu nnyumba ya Obededomu Omugitti: Mukama n'awa omukisa Obededomu n'ennyumba ye yonna.
- 12 Awo ne babuulira kabaka Dawudi nti Mukama awadde omukisa ennyumba ya Obededomu n'ebibye byonna olw'essanduuko ya Katonda. Dawudi n'agenda n'aggya essanduuko ya Katonda mu nnyumba ya Obededomu n'agirinyisa mu kibuga kya Dawudi ng'asanyuka.
- 13 Awo olwatuuka abaasitula essanduuko ya Mukama bwe baali batambudde ebigere mukaaga, n'awaayo ente n'ekya ssava.
- 14 Dawudi n'azinira mu maaso ga Mukama n'amaanyi ge gonna; era Dawudi nga yeesi-bye ekkanzu eya bafuta.
- 15 Awo Dawudi n'ennyumba yonna eya Isiraeri ne balinnyisa essanduuko ya Mukama nga boogerera waggulu era nga bafuuwa ekkondeere.
- 16 Awo olwatuuka essanduuko ya Mukama bwe yali ng'eyingira mu kibuga kya Dawudi, Mikali muwala wa Sawulo n'alingiza mu ddirisa, n'alaba kabaka Dawudi ng'abuuka ng'azinira mu maaso ga Mukama; n'amunyooma mu mutima gwe.
- 17 Ne bayingiza essanduuko ya Mukama, ne bagiteeka mu kifo kyayo wakati mu weema Dawudi gye yali agisimbide: Dawudi n'awaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe mu maaso ga Mukama.
- 18 Awo Dawudi bwe yali amaze okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe, n'asabira abantu omukisa mu linnya lya Mukama ow'eggye.
- 19 N'agabira abantu bonna, ekibiina kyonna ekya Isiraeri, abasajja n'abakazi, buli muntu omugaati n'omugabo ogw'ennyama n'ekitole eky'ezabbibu enkalu. Awo abantu bonna ne baddayo buli muntu mu nnyumba ye.
- 20 Awo Dawudi n'akomawo okusabira ab'omu nnyumba ye omukisa. Awo Mikali muwala wa Sawulo n'afuluma okusisinkana ne Dawudi n'ayogera nti Kabaka wa Isiraeri ng'abadde wa kitiibwa leero, eyeebikkulidde leero mu maaso g'abazaana b'abaddu be, ng'omu ku basajja abataliiko kye bagasa bwe yeebikkula nga talina nsonyi!
- 21 Dawudi n'agamba Mikali nti Kyabadde mu maaso ga Mukama, eyannonda okusinga kitaawo n'okusinga ennyumba ye yonna okunfuula omukulu w'abantu ba Mukama, owa Isiraeri: kyennaavanga nzannyira mu maaso ga Mukama.
- 22 Era neeyongeranga okwetoowaza okukirawo, era naabanga anyoomebwa mu maaso gange nze: naye abazaana b'oyogeddeko abo balinzisaamu ekitiibwa.
- 23 Mikali muwala wa Sawulo n'atazaala mwana okutuusa ku lunaku kwe yafira.

Essuula 7

- 1 Awo olwatuuka kabaka bwe yatuula mu nnyumba ye, era Mukama ng'amuwadde okuwummula eri abalabe be bonna abaamwetooloola,
- 2 awo kabaka n'agamba Nasani nnabbi nti Laba nno, nze ntuula mu nnyumba ey'emivule, naye essanduuko ya Katonda etuula munda w'ebitimbe.
- 3 Awo Nasani n'agamba kabaka nti Genda okole byonna ebiri mu mutima gwo; kubanga Mukama ali naawe.
- 4 Awo olwatuuka ekiro ekyo ekigambo kya Mukama ne kijjira Nasani nti
- 5 Genda obuulire omuddu wange Dawudi nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Ggwe olinzimbira ennyumba gye mba mbeeramu?

- 6 kubanga sibeeranga mu nnyumba okuva ku lunaku lwe nnaggya abaana ba Isiraeri mu Misiri, ne leero, naye natambuliranga mu weema ne mu nnyumba entimbe.
- 7 Mu bifo byonna mwe nnatambulira n'abaana ba Isiraeri bonna, nali njogedde ekigambo n'ekika kyonna ekya Isiraeri, kye nnalagira okulunda abantu bange Isiraeri, nga njogera nti Kiki ekyabalobera okunzimbira ennyumba ey'emivule?
- 8 Kale nno bw'otyo bw'oba ogamba omuddu wange Dawudi nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama ow'eggye nti Nakuggya ku kisibo ky'endiga, ng'ogoberera endiga, obeere omukulu w'abantu bange, owa Isiraeri:
- 9 era nabanga naawe buii gye wagendanga, era nzikirizza abalabe bo bonna mu maaso go; era ndikuwa erinnya ekkulu ng'erinnya bwe liri ery'abakulu abali mu nsi.
- 10 Era nditeekerawo abantu bange Isiraeri ekifo, ne mbasimba batuulenga mu kifo kyabwe bo, ne batajjulukuka nate; so n'abaana b'obubi nga tebakyababonyaabonya ng'olubereberye,
- 11 era ng'okuva ku lunaku lwe nnalagira abalamuzi okufuga abantu bange Isiraeri; era ndikuwa okuwummula eri abalabe bo bonna. Era nate Mukama akubuulira nga Mukama alikukolera ennyumba.
- 12 Ennaku zo bwe ziriba nga zituukiridde naawe nga weebakidde wamu ne bajjajjaabo, ndissaawo ezzadde lyo eririddawo eririva munda yo, era ndinyweza obwakabaka bwe.
- 13 Oyo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba, era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwe ennaku zonna.
- 14 Nze ndiba kitaawe naye aliba mwana wange: bw'anaabanga ng'akoze ekitali kya butuukirivu, naamukangavvulanga n'omuggo ogw'abantu n'enga ez'abaana b'abantu;
- 15 naye okusaasira kwange tekuumuvengako, nga bwe nnakuggya ku Sawulo, gwe nnaggyawo mu maaso go:
- 16 N'ennyumba yo n'obwakabaka bwo birifuuka bya nkalakkalira ennaku zonna mu maaso go: entebe yo erinywezebwa ennaku zonna.
- 17 Awo ng'ebigambo ebyo byonna bwe biri n'okwolesebwa okwo kwonna, bw'atyo Nasani bwe yabuulira Dawudi.
- 18 Awo Dawudi kabaka n'alyoka ayingira n'atuula mu maaso ga Mukama; n'ayogera nti Nze ani, ai Mukama Katonda, n'ennyumba yange kye ki, ggwe okuntuusa wano?
- 19 N'ekyo ne kiba nga kikyali kigambo kitono mu maaso go, ai Mukama Katonda; era naye oyogedde ku nnyumba y'omuddu wo okumala ebiro bingi ebiribaawo; n'ekyo ng'engeri y'abantu bw'eri, ai Mukama Katonda!
- 20 Era kiki Dawudi ky'ayinza okukugamba nate? kubanga omanyi omuddu wo, ai Mukama Katonda.
- 21 Olw'ekigambo kyo era ng'omutima gwo gwe bwe guli kyovudde okola ebikulu ebyo byonna, okutegeeza omuddu wo.
- 22 Ky'obeeredde omukulu, ai Mukama Katonda: kubanga tewali akwenkana, so tewali Katonda wabula ggwe, nga byonna bwe biri bye twakawulira n'amatu gaffe.
- 23 Era ggwanga ki erimu mu nsi erifaanana abantu bo, erifaanana Isiraeri, Katonda be yagenderera okwenunulira okuba abantu be, n'okwekolera erinnya, n'okubakolera ebikulu, n'okukolera ensi yo eby'entiisa, mu maaso g'abantu bo be weenunulira okuva mu Misiri, okubaggya mu mawanga ne bakatonda baabwe?
- 24 Ne weenywereza abantu bo Isiraeri okuba abantu gy'oli ennaku zonna; naawe, Mukama, n'ofuuka Katonda waabwe.
- 25 Era kaakano, ai Mukama Katonda, ekigambo ky'oyogedde ku muddu wo ne ku nnyumba ye kinyweze ennaku zonna, era kola nga bw'oyogedde.
- 26 Era erinnya lyo ligulumizibwe ennaku zonna, nga boogera nti Mukama ow'eggye ye Katonda afuga Isiraeri: n'ennyumba ey'omuddu wo Dawudi erinywezebwa mu maaso go.

- 27 Kubanga ggwe, ai Mukama ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, obikkulidde omuddu wo, ng'oyogera nti Ndikuzimbira ennyumba: omuddu wo kyavudde ayaanga okukusaba okusaba kuno.
- 28 Era nno, ai Mukama Katonda, ggwe Katonda, n'ebigambo byo mazima, era osuubizizza omuddu wo ekigambo ekyo ekirungi
- 29 kale nno kkiriza okuwa omukisa ennyumba ey'omuddu wo, ebeerenga mu maaso go ennaku zonna: kubanga ggwe, ai Mukama Katonda, okyogedde: era ennyumba y'omuddu wo eweebwenga omukisa gwo ennaku zonna.

Essuula 8

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Dawudi n'akuba Abafirisuuti n'abawangula: Dawudi n'aggyayo olukoba lw'ekibuga nnyina w'ensi mu mukono gw'Abafirisuuti.
- 2 N'akuba Mowaabu, n'abagera n'omugwa, ng'abagalamiza wansi; n'agerako emigwa ebiri egy'okutta n'omugwa ogumu omulamba ogw'okuwonya abalamu. Abamowaabu ne bafuuka baddu ba Dawudi ne baleeta ebirabo.
- 3 Era Dawudi n'akuba ne Kadadezeri mutabani wa Lekobu, kabaka w'e Zoba, bwe yagenda okujeemulula amatwale ge ku Mugga.
- 4 Dawudi n'amuggyako abasajja abeebagala embalaasi lukumi mu lusanvu, n'abatambula n'ebigere obukumi bubiri: Dawudi n'azitema enteega embalaasi zonna ez'amagaali, naye n'aterekako ez'amagaali kikumi.
- 5 Awo Abasuuli ab'e Ddamasiko bwe bajja okudduukirira Kadadezeri kabaka w'e Zoba, Dawudi n'atta ku Basuuli abasajja obukumi bubiri mu enkumi bbiri.
- 6 Awo Dawudi n'ateeka ebigo mu Busuuli obw'e Ddamasiko: Abasuuli ne bafuuka baddu ba Dawudi, ne baleeta ebirabo. Mukama n'amuwanga Dawudi okuwangula buli gye yagendanga.
- 7 Dawudi n'anyaga engabo eza zaabu ezaali ku baddu ba Kadadezeri n'azitwala e Yersaalemi.
- 8 Ne mu Beta ne mu Berosayi, ebibuga bya Kadadezeri, kabaka Dawudi n'aggyamu ebikomo ebyayingirira obungi.
- 9 Awo Toyi kabaka w'e Kamasi bwe yawulira nga Dawudi akubye eggye lyonna erya Kadadezeri,
- 10 awo Toyi n'atuma Yolaamu mutabani we eri kabaka Dawudi okumulamusa n'okumwebaza, kubanga alwanyane ne Kadadezeri n'amukuba: kubanga Kadadezeri yalwananga ne Toyi. Yolaamu n'aleeta wamu naye ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu n'ebintu eby'ebikomo:
- 11 n'ebyo kabaka Dawudi n'abiwongera Mukama, wamu ne ffeeza ne zaabu gye yawonga gye yaggya ku mawanga gonna ge yawangula;
- 12 ku Busuuli ne Mowaabu n'abaana ba Amoni n'Abafirisuuti ne Amaleki ne ku munyago gwa Kadadezeri, mutabani wa Lekobu, kabaka w'e Zoba.
- 13 Dawudi ne yeefunira erinnya bwe yakomawo ng'amaze okukuba Abasuuli mu Kiwonvu eky'Omunnyo, abasajja kakumi mu kanaana.
- 14 N'ateeka ebigo mu Edomu; yateeka ebigo okubuna Edomu, Abaedomu bonna ne bafuuka baddu ba Dawudi. Mukama n'amuwanga Dawudi okuwangula buli gye yagendanga.
- 15 Awo Dawudi n'afuga Isiraeri yenna: Dawudi n'asalira abantu be bonna emisango gya nsonga era gya mazima.
- 16 Ne Yowaabu mutabani wa Zeruyiya ye yali omukulu w'eggye; ne Yekosaffaati mutabani wa Akirudi ye yali omujjukiza:
- 17 ne Zadoki mutabani wa Akitubu ne Akimereki mutabani wa Abiyasaali be baali

bakabona; ne Seroya ye yali omuwandiisi;

- 18** ne Benaya mutabani wa Yekoyaada ye yali omukulu w'Abakeresi n'Abaperesi; ne batabani ba Dawudi be baali abakulu.

Essuula 9

- 1** Dawudi n'ayogera nti Wakyaliiwo asigaddewo ku nnyumba ya Sawulo, mmukole eby'ekisa ku lwa Yonasaani?
- 2** Awo waaliwo ku nnyumba ya Sawulo omuddu erinnya lye Ziba, ne bamuyita eri Dawudi; kabaka n'amugamba nti Ggwe Ziba? N'ayogera nti Omuddu wo ye wuuyo.
- 3** Kabaka n'ayogera nti Tewakyali wa nnyumba ya Sawulo mmukole eby'ekisa kya Katonda? Ziba n'agamba kabaka nti Wakyaliiwo omwana wa Yonasaani, eyalemala ebigere.
- 4** Kabaka n'amugamba nti Ali ludda wa? Ziba n'agamba kabaka nti Laba, ali mu nnyumba ya Makiri mutabani wa Ammiyeri mu Lodebali.
- 5** Awo kabaka Dawudi n'atuma n'amuggya mu nnyumba ya Makiri mutabani wa Ammiyeri mu Lodebali.
- 6** Awo Mefibosesi mutabani wa Yonasaani mutabani wa Sawulo n'ajja eri Dawudi n'avuunama amaaso ge ne yeeyanza. Dawudi n'ayogera nti Mefibosesi. N'addamu nti Laba omuddu wo.
- 7** Dawudi n'amugamba nti Totya: kubanga siireme kukukola bya kisa ku lwa Yonasaani kitaawo, era ndikuddiza ebyalo byonna ebya Sawulo jjajjaawo; era onoolyanga emmere ku mmeeza yange ennaku zonna.
- 8** Ne yeeyanza n'ayogera nti Omuddu wo ye ani ggwe okutunuulira embwa enfu nga nze bwe ndi?
- 9** Awo kabaka n'ayita Ziba, omuddu wa Sawulo, n'amugamba nti Byonna ebyabanga ebya Sawulo n'eby'ennyumba ye yonna mbiwadde omwana wa mukama wo.
- 10** Naawe onoomulimiranga ettaka, ggwe ne batabani bo n'abaddu bo; era onoolyanga ebibala omwana wa mukama wo abenga ne by'anaalyanga: naye Mefibosesi omwana wa mukama wo anaalyanga emmere ennaku zonna ku mmeeza yange. Era Ziba yalina abaana kkumi na bataano n'abaddu amakumi abiri.
- 11** Awo Ziba n'agamba kabaka nti Mukama wange kabaka nga bw'alagidde omuddu we, bw'atyo omuddu wo bw'anaakolanga. Mefibosesi, bwe yayogera kabaka, anaalyanga ku mmeeza yange ng'omu ku baana ba kabaka.
- 12** Era Mefibosesi yalina omwana omuto omulenzi, erinnya lye Mikka. Ne bonna abaabeera mu nnyumba ya Ziba baali baddu ba Mefibosesi.
- 13** Awo Mefibosesi n'abeera mu Yerusalemi: kubanga yalyanga bulijjo ku mmeeza ya kabaka; era yalemala ebigere bye byombi.

Essuula 10

- 1** Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo kabaka w'abaana ba Amoni n'afa, Kanuni mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 2** Dawudi n'ayogera nti Naakola Kanuni mutabani wa Nakasi eby'ekisa, nga kitaawe bwe yankola eby'ekisa. Awo Dawudi n'atuma abaddu be okumukubagiza olwa kitaawe. Abaddu ba Dawudi ne batuuka mu nsi ey'abaana ba Amoni.
- 3** Naye abakulu b'abaana ba Amoni ne bagamba Kanuni mukama waabwe nti Olowooza nga Dawudi amussaamu ekitiibwa kitaawo n'akutumira ab'okukukubagiza? Dawudi takutumidde baddu be okukebera ekibuga n'okukiketta n'okukimenya?
- 4** Awo Kanuni n'atwala abaddu ba Dawudi n'abamwako ekitundu ky'ebirevu byabwe

- n'abasalira ebyambalo byabwe wakati, okukoma ku matako gaabwe, n'abasindika.
- 5 Awo bwe baakibuulira Dawudi, n'atuma okubasisinkana; kubanga abasajja abo ne bakwatibwa nnyo ensonyi. Kabaka n'ayogera nti Mubeere e Yeriko ebirevu byammwe bimale okukula, mulyoke mukomewo.
 - 6 Awo abaana ba Amoni bwe baalaba Dawudi ng'abatamiddwa, abaana ba Amoni ne batuma ne bagulirira Abasuuli ab'e Besulekoku, n'Abasuuli ab'e Zoba, abaatambula n'ebigere obukumi bubiri, ne kabaka w'e Maaka ng'alina abasajja lukumi, n'abasajja ab'e Tobu abasajja kakumi mu enkumi bbiri.
 - 7 Awo Dawudi bwe yakiwulira, n'atuma Yowaabu n'eggye lyonna ery'abasajja ab'amaanyi.
 - 8 Awo abaana ba Amoni ne bafuluma ne basimba ennyiriri awayingirirwa mu mulyango: n'Abasuuli ab'e Zoba n'ab'e Lekoku n'abasajja ab'e Tobu ne Maaka baali bokka ku ttale.
 - 9 Awo Yowaabu bwe yalaba olutalo nga luli mu maaso ge n'ennyuma we, n'ayawulamu abasajja bonna aba Isiraeri abalonde n'abasimba ennyiriri okwolekera Abasuuli:
 - 10 abantu bonna abalala n'abakwa mu mukono gwa Abisaayi muganda we, n'abasimba ennyiriri okwolekera abaana ba Amoni.
 - 11 N'ayogera nti Abasuuli bwe banannema, kale ggwe onombeera: naye abaana ba Amoni bwe banaakulema, kale najja ne nkuyamba.
 - 12 Ddamu amaanyi twerage obusajja olw'abantu baffe n'olw'ebibuga bya Katonda waffe: era Mukama akole nga bw'asiima.
 - 13 Awo Yowaabu n'abantu abaali naye ne basembera ku lutalo okulwana n'Abasuuli: ne badduka mu maaso ge.
 - 14 Awo abaana ba Amoni bwe baalaba Abasuuli nga badduse, era nabo ne badduka mu maaso ga Abisaayi, ne bayingira mu kibuga. Awo Yowaabu n'alyoka ava ku baana ba Amoni n'addayo n'ajja e Yersaalemi.
 - 15 Awo Abasuuli bwe baalaba nga bagobeddwa mu maaso ga Isiraeri, ne bakuaana.
 - 16 Awo Kadadezeri n'atuma n'aggyayo Abasuuli abaali emitala w'Omugga: ne bajja e Keramu, Sobaki omukulu w'eggye lya Kadadezeri ng'abakulembedde.
 - 17 Ne babuulira Dawudi; n'akuaanya Isiraeri yenna, n'asomoka Yoludaani n'ajja e Keramu. Abasuuli ne basimba ennyiriri okwolekera Dawudi ne balwana naye.
 - 18 Abasuuli ne badduka mu maaso ga Isiraeri; Dawudi n'atta ku Basuuli abasajja ab'omu magaali lusanyu, n'abeebagala embalaasi obukumi buna, n'afumita Sobaki omukulu w'eggye lyabwe n'afira eyo.
 - 19 Awo bakabaka bonna abaali abaddu ba Kadadezeri bwe baalaba nga bagobeddwa mu maaso ga Isiraeri, ne batabagana ne Isiraeri, ne babaweereza. Awo Abasuuli ne batya okweyongerera nate okuyamba abaana ba Amoni.

Essuula 11

- 1 Awo olwatuuka omwaka bwe gwatuukirira mu kiseera bakabaka mwe batabaalira, Dawudi n'atuma Yowaabu n'abaddu be awamu naye ne Isiraeri yenna; ne bazikiriza abaana ba Amoni ne bazingiza Labba. Naye Dawudi n'asigala e Yersaalemi.
- 2 Awo olwatuuka akawungeezi Dawudi n'agolokoka n'ava ku kitanda kye n'atambula waggulu ku nnyumba ya kabaka: era ng'ayima ku nnyumba n'alaba omukazi ng'anaaba; era omukazi yali mulungi nnyo okutunuulira.
- 3 Awo Dawudi n'atuma n'abuuzo omukazi bw'ali. Ne wabaawo eyayogera nti Oyo si Basuseba muwala wa Eriyaamu, mukazi wa Uliya Omukiiti?
- 4 Awo Dawudi n'atuma ababaka n'amutwala; n'ayingira gy'ali n'asula naye; (kubanga yali alongoosebwa obutali bulongoofu bwe;) omukazi n'addayo mu nnyumba ye.

- 5 Omukazi n'aba olubuuto; n'atuma n'abuulira Dawudi n'ayogera nti Ndi lubuto.
- 6 Dawudi n'atumira Yowaabu nti Mpeereza Uliya Omukiiti. Yowaabu n'aweereza Uliya eri Dawudi.
- 7 Awo Uliya bwe yajja gy'ali, Dawudi n'amubuuza Yowaabu bwe yali n'abantu bwe baali n'olutalo bwe lwali.
- 8 Dawudi n'agamba Uliya nti Serengeta mu nnyumba yo onaabe ebigere. Uliya n'ava mu nnyumba ya kabaka, ne wamugoberera omuwumbo (gw'emmere) oguvudde eri kabaka.
- 9 Naye Uliya n'asula ku mulyango gw'ennyumba ya kabaka wamu n'abaddu bonna aba mukama we, n'ataserengeta mu nnyumba ye.
- 10 Awo bwe baamubuulira Dawudi nti Uliya teyaserengese mu nnyumba ye, Dawudi n'agamba Uliya nti Tovudde mu lugendo? kiki ekyakulobedde okuserengeta mu nnyumba yo?
- 11 Uliya n'agamba Dawudi nti Essanduuko ne Isiraeri ne Yuda basula mu nsiisira; ne mukama wange Yowaabu n'abaddu ba mukama wange basiisidde ku ttale mu bbanga; nze nno naagenda mu nnyumba yange okulya n'okunywa n'okusula ne mukazi wange? nga bw'oli omulamu n'emmeeme yo nga bw'eri ennamu sijja kukola kigambo ekyo.
- 12 Awo Dawudi n'agamba Uliya nti Mala wano n'olwa leero, enkya nkusindike. Awo Uliya n'amala olunaku olwo n'olw'enkya mu Yerusalemi.
- 13 Awo Dawudi bwe yamuyita n'alya n'anywera mu maaso ge; n'amutamiiza: awo akawungeezi n'afuluma okusula ku kitanda kye wamu n'abaddu ba mukama we, naye n'ataserengeta mu nnyumba ye.
- 14 Awo olwatuuka enkya Dawudi n'awandiikira Yowaabu ebbaluwa, n'agiweerereza mu mukono gwa Uliya.
- 15 N'awandiika mu bbaluwa nti Muteeke Uliya mu maaso awali olutalo olw'amaanyi; mumwabalire, balyoke bamufumite afe:
- 16 Awo olwatuuka Yowaabu bwe yekkaanya ekibuga, n'awa Uliya ekifo we yamanya nga we wali abazira.
- 17 Abasajja ab'omu kibuga ne bafulumu ne balwana ne Yowaabu: awo ku bantu ne kufaako abamu, ku baddu ba Dawudi; Uliya Omukiiti naye n'afa.
- 18 Awo Yowaabu n'atuma n'abuulira Dawudi eby'olutalo byonna;
- 19 n'akuutira omubaka ng'ayogera nti Bw'oliba ng'omaze okubuulira kabaka eby'olutalo byonna,
- 20 awo alunaatuuka kabaka bw'anaasunguwala, n'akugamba nti Kiki ekyabasembeza bwe mutyo okumpi: n'ekibuga okulwana? temwamanya nga baliyima ku bbugwe okulasa:
- 21 ani eyatta Abimereki mutabani wa Yerubbesesi? omukazi teyamukasukako enso ng'ayima ku bbugwe n'afira e Sebezi? kiki ekyabasembeza bwe mutyo okumpi ne bbugwe? awo onooyogera nti N'omuddu wo Uliya Omukiiti naye afudde.
- 22 Awo omubaka n'agenda n'ajja n'ategeeza Dawudi byonna Yowaabu bye yamutuma.
- 23 Omubaka n'agamba Dawudi nti Abasajja baatuyiwako amaanyi ne batulumba ebweru mu bbanga, ne tufunvubira nabo okutuusa awayingirirwa mu mulyango.
- 24 Abalasi ne balasa abaddu bo nga bayima ku bbugwe; era ku baddu ba kabaka kufuddeko abamu, n'omuddu wo Uliya Omukiiti naye afudde.
- 25 Awo Dawudi n'agamba omubaka nti Bw'otyoba bw'oba ogamba Yowaabu nti Ekigambo ekyo kireme okukunyiiza, kubanga ekitala kirya nga kyenkanya omuntu ne munne: weeyongere okunyweza olutalo lwo okulwana n'ekibuga okimenye: era omugumyanga omwoyo.
- 26 Awo muka Uliya bwe yawulira bba ng'afudde n'akungubagira bba we.

27 Awo bwe yamala okwabya olumbe, Dawudi n'atuma n'amuleeta ewuwe, n'aba mukazi we n'amuzaalira omwana ow'obulenzi. Naye ekigambo Dawudi kye yakola ne kinyiiza Mukama.

Essuula 12

- 1 Awo Mukama n'atuma Nasani eri Dawudi. N'ajja gy'ali n'amugamba nti Waaliwo abasajja babiri mu kibuga kimu; omu nga mugagga ne munne nga mwavu.
- 2 Omugagga yalina endiga n'ente nnyingi nnyo nnyini:
- 3 naye omwavu teyalina kantu wabula akaana k'endiga akaluusi ke yagula n'akalera: ne kakulira wamu naye n'abaana be; kaalyanga ku kamere ke ye, ne kanywa ku ndeku ye ye, ne kagalamira mu kifuba kye ne kaba gy'ali nga muwala we.
- 4 Awo ne wajja omutambuze eri omugagga oyo, n'alema okutoola ku ndiga ze ye ne ku nte ze ye, okufumbira omutambuze eyajja gy'ali, naye n'atwala omwana gw'endiga ogw'omwavu, n'agufumbira omusajja azze gy'ali.
- 5 Dawudi n'asunguwalira nnyo omusajja; n'agamba Nasani nti Mukama nga bw'ali omulamu, omusajja eyakola ekyo asaanidde okufa:
- 6 era alizzaawo omwana gw'endiga emirundi ena, kubanga yakola ekyo, era kubanga teyalina kusaasira.
- 7 Awo Nasani n'agamba Dawudi nti Ye ggwe. Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Nakufukako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri ne nkuggya mu mukono gwa Sawulo;
- 8 ne nkuwa ennyumba ya mukama wo, ne bakazi ba mukama wo ne mbakuwa mu kifuba kyo, ne nkuwa ennyumba ya Isiraeri n'eya Yuda; n'ebyo singa bibadde bitono, nandikwongeddeko bino na bino.
- 9 Kiki ekikunyoomenza ekigambo kya Mukama okukola ebiri mu maaso ge ebibi? osse Uliya Omukiiti n'ekitala n'otwala mukazi we okuba mukazi wo, n'omutta n'ekitala eky'abaana ba Amoni.
- 10 Kale nno ekitala tekiivenga mu nnyumba yo ennaku zonna; kubanga onnyoomye nze n'otwala mukazi wa Uliya Omukiiti okuba mukazi wo.
- 11 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Laba, ndikuyimusizaako obubi obuliva mu nnyumba yo ggwe, era nditwala bakazibo mu maaso go ne mbawa muliiraanwa wo, era alisula ne bakazi bo mu maaso g'enjuba eno.
- 12 Kubanga ggwe wakikola mu kyama: naye nze ndikola ekigambo ekyo mu maaso ga Isiraeri yenna ne mu maaso g'enjuba.
- 13 Awo Dawudi n'agamba Nasani nti Nnyonoonye Mukama. Nasani n'agamba Dawudi nti Mukama naye aggyeewo ekyonoono kyo; toofe.
- 14 Naye kubanga owadde abalabe ba Mukama ebbanga ddene okuvvoola olw'ekikolwa ekyo, omwana akuzaaliddwa talirema kufa naye.
- 15 Awo Nasani ne yaddirayo mu nnyumba ye. Awo Mukama n'alwaza omwana muka Uliya gwe yazaalira Dawudi, n'alwala nnyo.
- 16 Dawudi kyeyava amwegayiririra omwana eri Katonda; Dawudi n'asiiba n'ayingira n'agalamira ku ttaka okukeesa obudde.
- 17 Awo abakadde ab'omu nnyumba ye ne bagolokoka (ne bayimirira) w'ali, okumuyimusa okuva wansi: naye n'atakkiriza so teyalya mmere nabo.
- 18 Awo olwatuuka ku lunaku olw'omusanvu omwana n'afa. Abaddu ba Dawudi ne batya okumubuulira omwana ng'afudde: kubanga baayogera nti Laba, omwana bwe yali ng'akyali mulamu ne twogera naye, n'atawulira ddooboozi lyaffe: kale aneeraliikirira atya bwe tunaamubuulira omwana ng'afudde?
- 19 Naye Dawudi bwe yalaba abaddu be nga boogerera wamu ekyama, Dawudi n'ategeera

omwana ng'afudde: Dawudi n'agamba abaddu be nti Omwana afudde? Ne boogera nti Afudde.

- 20 Awo Dawudi n'ava wansi n'agolokoka n'anaaba n'asaaba amafuta n'awaanyisa ebyambalo bye; n'ajja mu nnyumba ya Mukama n'asinza: n'alyoka ajja mu nnyumba ye; awo bwe yayagala ne bateeka emmere mu maaso ge n'alya.
- 21 Awo abaddu be ne bamugamba nti Kigambo ki kino ky'okoze? Wasiiba n'okaabira omwana bwe yali ng'akyali mulamu; naye omwana ng'afudde, n'ogolokoka n'olya ku mmere.
- 22 N'agamba nti Omwana bwe yali ng'akyali mulamu, nasiiba ne nkaaba: kubanga nayogera nti Ani amanyi oba nga Mukama tankwatirwe kisa omwana abe omulamu.
- 23 Naye kaakano ng'amaze okufa, nandisiibidde ki? nnyinza okumukomyawo? nze ndigenda gy'ali naye ye talikomawo gye ndi.
- 24 Dawudi n'akubagiza Basuseba mukazi we n'ayingira gy'ali n'asula naye: n'azaala omwana ow'obulenzi n'amutuuma erinnya lye Sulemaani. Mukama n'amwagala;
- 25 Mukama n'atuma mu mukono gwa Nasani nnabbi, n'amutuuma erinnya lye Yedidiya, ku lwa Mukama.
- 26 Awo Yowaabu n'alwana ne Labba eky'abaana ba Amoni n'amanya ekibuga kya kabaka.
- 27 Awo Yowaabu n'atumira Dawudi ababaka n'ayogera nti Nnwanje ne Labba, n'okumenya mmenye ekibuga eky'amazzi.
- 28 Kale nno kuaanya abantu bonna abasigaddewo ozingize ekibuga okimenye: nneme okumenya ekibuga ne bakituuma erinnya lyange.
- 29 Dawudi n'akuaanya abantu bonna n'agenda e Labba, n'alwana nakyo n'akimenya.
- 30 N'aggya engule ya kabaka waabwe ku mutwe gwe; n'obuzito bwayo bwali talanta eya zaabu, ne mu yo nga mulimu amayinja ag'omuwendo omungi; n'etekebwa ku mutwe gwa Dawudi. N'aggyamu omunyago ogw'ekibuga, mungi nnyo nnyini.
- 31 N'aggyamu abantu abaali omwo, n'abassa wansi w'emisomeeno n'amannyo ag'ekyuma n'embazzi ez'ekyuma, n'abayisa mu kyokero ky'amatoffaali: awo bw'atyo bwe yakola ebibuga byonna eby'abaana ba Amoni. Dawudi n'abantu bonna ne bad-dayo e Yersaalemi.

Essuula 13

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Abusaalomu mutabani wa Dawudi yalina mwannyina omulungi, erinnya lye Tamali; Amunoni mutabani wa Dawudi n'amwagala.
- 2 Awo Amunoni ne yeeraliikirira bw'atyo n'okulwala n'alwala olwa mwannyina Tamali; kubanga yali tannamanya musajja; Amunoni n'akirowooza nga kizubu okumukola ekigambo kyonna.
- 3 Naye Amunoni yalina mukwano gwe, erinnya lye Yonadabu, mutabani wa Simeya muganda wa Dawudi: era Yonadabu yali musajja mugerengetanya nnyo.
- 4 N'amugamba nti Ekikukozza bw'otyo bulijjo bulijjo kiki, ggwe omwana wa kabaka? tombuulire? Amunoni n'amugamba nti Njagala Tamali mwannyina muganda wange Abusaalomu.
- 5 Awo Yonadabu n'amugamba nti Galamira ku kitanda kyo weerwazerwaze: kale kitaawo bw'aliba ng'azze okukulaba, n'omugmaba nti Mwannyinaze Tamali ajje, nkwegayiridde, ampe emmere okulya, era afumbe emmere mu maaso gange ngirabe ngiriire mu ngalo ze.
- 6 Awo Amunoni n'agalamira ne yeerwazalwaza: awo kabaka bwe yajja okumulaba, Amunoni n'agamba kabaka nti Mwannyinaze Tamali ajje, nkwegayiridde, anfumbire

emigaati ebiri mu maaso gange ndiire mu ngalo ze.

- 7 Awo Dawudi n'atuma eka eri Tamali ng'ayogera nti Genda nno eri ennyumba ya muganda we Amunoni omufumbire emmere.
- 8 Awo Tamali n'agenda eri ennyumba ya muganda we Amunoni; ye ng'agalamidde. N'addira obutta n'abugoya n'abumba emigaati mu maaso ge n'ayokya emigaati.
- 9 N'addira ekikalango n'agifuka mu maaso ge; naye n'agaana okulya. Amunoni n'agamba nti Abasajja bonna bave we ndi. Ne bava w'ali buli musajja.
- 10 Amunoni n'agamba Tamali nti Leeta emmere mu kisenge ndiire mu ngalo zo. Tamali n'addira emigaati gy'afumbye n'agireeta mu kisenge eri Amunoni mwannyina.
- 11 Awo bwe yagimusembereza okulya n'amukwata n'amugamba nti Jjangu osule nange, mwannyinaze.
- 12 N'amuddamu nti Nedda, mwannyinaze, tonkwata; kubanga tekigwanidde kukola kigambo ekifaanana bwe kityo mu Isiraeri: tokola busirusiru buno.
- 13 Nange nno naatwala wa obuwemu bwange? naawe oliba ng'omu ku basirusiru mu Isiraeri. Kale nno, nkwegayiridde, yogera ne kabaka; kubanga tajja kukunnyima.
- 14 Naye n'atakkiriza kuwulira ddooboozi lye: naye kubanga yamusinga amaanyi n'amukwata n'asula naye.
- 15 Awo Amunoni n'alyoka amukyawa ekitakyayika; kubanga okukyawa kwe yamukyawa kwasinga okwagala kwe yamwagala. Amunoni n'amugamba nti Golokoka ogende.
- 16 N'ayogera nti Nedda, kubanga ekyonoono kino ekinene ky'onkola ng'ongoba kisinga kiri ky'onkoze. Naye n'ataganya kumuwulira.
- 17 Awo n'alyoka ayita omuddu we eyamuweerezanga n'ayogera nti Fulumya nno omukazi ono ave we ndi, osibe oluggi ennyuma we.
- 18 Era yali ayambadde ekyambalo eky'amabala amangi: kubanga bwe baayambalanga bwe batyo abawala ba kabaka abatamanyi musajja. Awo omuddu we n'amufulumya n'asiba oluggi ennyuma we.
- 19 Awo Tamali n'ateeka evvu ku mutwe gwe n'ayuzza ekyambalo kye eky'amabala amangi kye yali ayambadde; ne yeetikka omukono gwe n'agenda ng'akaaba.
- 20 Abusaalomu mwannyina n'amugamba nti Amunoni mwannyoko abadde naawe? naye kaakano sirika, mwannyinaze: ye mwannyoko; ekigambo ekyo kireme okuku-nakuwaza omwoyo. Awo Tamali n'abeera mu nnyumba ya mwannyina Abusaalomu nga talina bba.
- 21 Awo kabaka Dawudi bwe yawulira ebyo byonna, n'asunguwala nnyo.
- 22 Abusaalomu n'atayogera ne Amunoni newakubadde ebirungi newakubadde ebibi: kubanga Abusaalomu n'akyawa Amunoni, kubanga yali akutte Tamali mwannyina.
- 23 Awo olwatuuka emyaka ebiri emiramirira bwe gyayitawo, Abusaalomu yalina abasala ebyoya by'eidiga ze e Baalukazoli, ekiri ku nabbali ga Efulayimu: Abusaalomu n'ayita abaana ba kabaka bonna.
- 24 Abusaalomu n'ajja eri kabaka n'ayogera nti Laba nno, omuddu wo alina abasala ebyoya by'endiga; nkwegayiridde, kabaka n'abbaddu be bagende n'omuddu wo.
- 25 Kakaka n'agamba Abusaalomu nti Nedda, mwana wange, tuleme okugenda fenna, tuleme okukuzitowerera. N'amutayirira: naye n'atakkiriza kugenda, naye n'amusabira mukisa.
- 26 Awo Abusaalomu n'ayogera nti ogaanyi, nkwegayiridde muganda wange Amunoni agende naffe. Kabaka n'amugamba nti Ekinaaba kimutwala nawe kiki?
- 27 Naye Abusaalomu n'amutayirira akkirize Amunoni n'abaana ba kabaka bonna okugenda naye.
- 28 Awo Abusaalomu n'alagira abaddu be ng'ayogera nti Mwekkaanye nno, omutima gwa Amunoni nga gusanyuse olw'omwenge; awo bwe nnaabagamba nti Mufumite Amunoni, mumutte, temutya: si nze mbalagidde? mugume emyoyo mube abazira.

- 29 Abaddu ba Abusaalomu ne bakola Amunoni nga Abusaalomu bw'alagidde. Awo abaana ba kabaka bonna ne balyoka bagolokoka, ne beebagala buli muntu ennyumbu ye ne badduka.
- 30 Awo olwatuuka bwe baali nga bakyali mu kkubo, Dawudi n'aleeterwa ebigambo nga boogera nti Abusaalomu asse abaana ba kabaka bonna, tekusigadde n'omu.
- 31 Awo kabaka n'agolokoka n'ayuza ebyambalo bye n'agalamira ku ttaka; abaddu be bonna ne bayimirira gy'ali nga bayuzizza engoye zaabwe.
- 32 Yonadabu, mutabani wa Simeya muganda wa kabaka, n'addamu n'ayogera nti Mukama wange aleme okulowooza nga basse abalenzi bonna abaana ba kabaka; kubanga Amunoni yekka ye afudde: kubanga Abusaalomu yateesa bw'atyo ng'aki-malirira okuva ku lunaku lwe yakwata Tamali mwannyina.
- 33 Kale nno mukama wange kabaka ekigambo ekyo kireme okumunakuwaza omwoyo okulowooza ng'abaana ba kabaka bonna bafudde: kubanga Amunoni yekka ye afudde.
- 34 Naye Abusaalomu n'adduka. Awo omulenzi eyakuumanga n'ayimusa amaaso ge n'atunula, awo, laba, abantu bangi nga bajja nga bafuluma mu kkubo ery'oku lusozi ennyuma we.
- 35 Awo Yonadabu n'agamba kabaka nti Laba, abaana ba kabaka batuuse: ng'omuddu wo bw'ayogedde, bwe guli bwe gutyo.
- 36 Awo olwatuuka bwe yamala okwogera, awo, laba, abaana ba kabaka ne bajja ne bayimusa eddoboosi lyabwe ne bakaaba: era ne kabaka n'abaddu be bonna ne bakaaba nnyo nnyini.
- 37 Naye Abusaalomu n'adduka, n'agenda eri Talumayi mutabani wa Ammikuli, kabaka w'e Gesuli. Dawudi n'anaakuwaliranga mutabani we buli lunaku.
- 38 Awo Abusaalomu n'adduka n'agenda e Gesuli, n'amalayo emyaka esatu.
- 39 Dawudi ne yeegomba okuvaayo okugenda eri Abusaalomu: kubanga yakubagizibwa olwa Amunoni, okuba ng'afudde.

Essuula 14

- 1 Awo Yowaabu mutabani wa Zeruyiya n'ategeera ng'omutima gwa kabaka guli eri Abusaalomu.
- 2 Yowaabu n'atuma e Tekowa n'akimayo omukazi ow'amagezi n'amugamba nti Nkwe-gayiridde, weefuule ng'afiriddwa, oyambale ebyambalo eby'okufirwa, nkwe-gayiridde, so tosaaba mafuta, naye weefuule ng'omukazi eyaakamala ebiro bingi ng'akaabira omufu:
- 3 oyingire eri kabaka omugambe bw'otyo. Awo Yowaabu n'amuweerera ebigambo.
- 4 Awo omukazi ow'e Tekowa bwe yayogera ne kabaka, n'avuunama amaaso ge ne yeeyanza n'ayogera nti Mbeera, ai kabaka.
- 5 Kabaka n'amugamba nti Obadde otya? N'addamu nti Mazima nze ndi mukazi nnammwandu, ne baze yafa.
- 6 Era omuzaana wo yalina abaana babiri, ne balwana bombi ku ttale, so nga tewali wa kubataasa, naye omu n'afumita munne n'amutta.
- 7 Kale, laba, ekika kyonna kimugolokokeddeko omuzaana wo era bayogera nti Waayo oyo eyafumita muganda we tumutte olw'obulamu bwa muganda we gwe yatta; tutte bwe tutyo n'omusika: kale bwe batyo banaazikiza eryanda lyange erisigaddewo, ne batamulekera baze linnya newakubadde ekitundu ekifisseewo ku ttaka lyonna.
- 8 Awo kabaka n'agamba omukazi nti Genda ewuwo, nange n'alagira ebigambo byo bwe binaaba.
- 9 Awo omukazi ow'e Tekowa n'agamba kabaka nti Mukama wange, ai kabaka, obutali

butuukirivu bube ku nze ne ku nnyumba ya kitange: kabaka abe nga taliiko musango n'entebe ye ey'obwakabaka.

- 10 Kabaka n'ayogera nti Buli anaakugambanga ekigambo kyonna, omuleetanga gye ndi so talikukwatako lwa kubiri.
- 11 Awo n'alyoka ayogera nti Nkwegayiridde, kabaka ajjukire Mukama Katonda wo, awalana eggwanga ly'omusaayi aleme okweyongera okuzikiriza, baleme okuzikiriza mutabani wange. N'ayogera nti Mukama nga bw'ali omulamu, tewaliba luviiiri lumu lwa mutabani wo oluligwa wansi.
- 12 Awo omukazi n'ayogera nti Nkwegayiridde, omuzaana wo ayogere ekigambo ne mukama wange kabaka. N'ayogera nti Yogera.
- 13 Omukazi n'ayogera nti Kale wateesezza ki ekigambo ekifaanana bwe kityo eri abantu ba Katonda? kubanga kabaka bw'ayogera ekigambo ekyo, alianga aliko omusango, kubanga kabaka takomyawo eka owuwe eyagobebwa.
- 14 Kubanga kitugwanira okufa, era tulianga amazzi agayiise wansi agatayinzika kuy-ooleka nate; so Katonda taggyaawo bulamu, naye n'asala amagezi oyo eyagobebwa aleme okuba omudduse gy'ali.
- 15 Kale nno kubanga nzize okwogera ekigambo ekyo ne mukama wange kabaka, kyen-vudde njija kubanga abantu bantiisizza: omuzaana wo n'ayogera nti Kaakano naayo-gera ne kabaka; mpozzi kabaka alikola omuzaana we by'amwegayiridde.
- 16 Kubanga kabaka anaawulira, okuwonya omuzaana we mu mukono gw'omusajja ayagala okunzikiriza fembi ne mutabani wange okutuggya mu busika bwa Katonda.
- 17 Awo omuzaana wo n'alyoka ayogera nti Nkwegayiridde, ekigambo kya mukama wange kabaka kibeere kya kusanyusa: kubanga mukama wange kabaka alianga malayika wa Katonda okwawulamu ebirungi n'ebibi: era Mukama Katonda wo abeere naawe.
- 18 Awo kabaka n'alyoka addamu n'agamba omukazi nti Tonkisa, nkwegayiridde, ekigambo kyonna kye nnaakubuuza. Omukazi n'ayogera nti Mukama wange kabaka ayogere kaakano.
- 19 Kabaka n'ayogera nti Omukono gwa Yowaabu guli naawe mu bino byonna? Omukazi n'addamu n'ayogera nti Nga ggwe bw'oli omulamu, mukama wange kabaka, tewali ayinza okukyama ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono okuva ku kigambo kyonna mukama wange kabaka ky'ayogedde: kubanga omuddu wo Yowaabu ye yandagira, era ye yaweerera omuzaana wo ebigambo bino byonna:
- 20 okuwaanyisa ekigambo bwe kifaanana omuddu wo Yowaabu kyavudde akola kino: era mukama wange mugezigezi ng'amagezi bwe gali aga malayika wa Katonda, oku-manyia byonna ebiri mu nsi.
- 21 Kabaka n'agamba Yowaabu nti Laba nno, ekigambo kino nkikoze: kale genda omukomyewo omulenzi Abusaalomu.
- 22 Awo Yowaabu n'avuunama amaaso ge, ne yeeyanza, ne yeebaza kabaka: Yowaabu n'ayogera nti Leero omuddu wo amanyi nga anze mu maaso go, mukama wange, ai kabaka, kubanga kabaka akoze omuddu we ky'amwegayiridde.
- 23 Awo Yowaabu n'agolokoka n'agenda e Gesuli n'aleeta Abusaalomu e Yersaalemi.
- 24 Kabaka n'ayogera nti Addeyo mu nnyumba ye ye, naye aleme okulaba amaaso gange. Awo Abusaalomu n'addayo mu nnyumba ye, n'atalaba maaso ga kabaka.
- 25 Awo mu Isiraeri yenna temwali n'omu wa kutenderezebwa nga Abusaalomu olw'obu-lungi bwe: okuva ku bigere bye wansi okutuuka ku bwezinge bw'omutwe gwe nga taliiko kabi.
- 26 Awo bwe yasalanga enviiri ze, (era buli mwaka bwe gwaggwangako n'azisalanga: kubanga, zaamuzitowereranga kyeyava azisala:) n'apima enviiri ez'oku mutwe gwe ne ziba sekeri ebikumi bibiri, ng'okupima kwa kabaka bwe kwali.

- 27 Awo Abusaalomu n'azaalirwa abaana ab'obulenzi basatu n'ow'obuwala omu, erinnya lye Tamali: yali mukazi wa maaso malungi.
- 28 Awo Abusaalomu n'amala emyaka ebiri emirambirira mu Yerusaalemi; n'atalaba maaso ga kabaka.
- 29 Awo Abusaalomu n'atumya Yowaabu, okumutuma eri kabaka; naye n'atakkiriza kujja gy'ali: awo n'atumya nate omulundi ogw'okubiri, naye n'atakkiriza kujja.
- 30 Kyeyava agamba abaddu be nti Laba, ennimiro ya Yowaabu eriraanye n'eyange, era alina sayiri eyo; mugende mugyokye. Awo abaddu ba Abusaalomu ne bookya ennimiro.
- 31 Awo Yowaabu n'alyoka agolokoka n'ajja eri Abusaalomu mu nnyumba ye n'amugamba nti Abaddu bo bookedde ki ennimiro yange?
- 32 Abusaalomu n'addamu Yowaabu nti Laba nakutumira nga njogera nti Jjangu wano, nkutume eri kabaka okwogera nti Njjiridde ki okuva e Gesuli? mbeera kubeera eyo ne kaakano kyandibadde kirungi gye ndi: kale nno ndabe amaaso ga kabaka; era oba nga mulimu obutali butuukirivu mu nze, anzite.
- 33 Awo Yowaabu n'ajja eri kabaka n'amubuulira: awo bwe yayita Abusaalomu, n'ajja eri kabaka, n'avuunama amaaso ge mu maaso ga kabaka: kabaka n'anywegera Abusaalomu.

Essuula 15

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Abusaalomu ne yeetegekera eggaali n'embal-aasi n'abasajja ataano okuddukiranga mu maaso ge.
- 2 Abusaalomu n'agolokokanga mu makya n'ayimirira ku kkubo erya wankaaki: awo olwatuuka omuntu yenna bwe yabanga n'ensonga eyali ey'okujja eri kabaka okusalirwa omusango, awo Abusaalomu n'amuyitanga n'amugamba nti Oli wa ku kyalo ki? N'ayogera nti Omuddu wo wa kika kimu kya Isiraeri.
- 3 Abusaalomu n'amugamba nti Laba, ebigambo byo birungi bya nsonga; naye tewali muntu kabaka gw'atikkidde okukuwulira.
- 4 Abusaalomu n'ayogeranga era nti Singa nze nfuuliddwa mulamuzi mu nsi, buli muntu alina ensonga yonna oba musango ajjenga gye ndi, nange nandimukoledde eby'ensonga!
- 5 Awo olwatuuka omuntu yenna bwe yasemberanga okumweyanza, n'agololanga omukono gwe n'amukwatako n'amunywegera.
- 6 Awo bw'atyo Abusaalomu bwe yakolanga Isiraeri yenna abajjanga eri kabaka okusalirwa emisango: awo Abusaalomu n'abba bw'atyo emyoyo gy'abasajja ba Isiraeri.
- 7 Awo olwatuuka emyaka ana bwe gyaggwa Abusaalomu n'agamba kabaka nti Nkwe-gayiridde ende nsasule obweyamo bwange, bwe nneeyama Mukama, e Kebbulooni.
- 8 Kubanga omuddu wo yeeyama obweyamo bwe nnali nga ntuula e Gesuli mu Busuuli, nga njogera nti Mukama bw'alinzirizaayo ddala e Yerusaalemi, kale ndiweereza Mukama.
- 9 Kabaka n'amugamba nti Genda mirembe. Awo n'agolokoka n'agenda e Kebbulooni.
- 10 Naye Abusaalomu n'atuma ababaka okubunya ebika byonna ebya Isiraeri ng'ayogera nti Bwemunaawulira eddoozi ly'ekkondeere ne mulyoka mwogera nti Abusaalomu ye kabaka e Kebbulooni .
- 11 Era ne wagenda ne Abusaalomu abasajja ebikumi bibiri abaava e Yerusaalemi, abaay-itibwa ne bagenda nga tebamanyiridde; so tebaategeera kigambo kyonna.
- 12 Awo Abusaalomu n'atumya Akisoferi Omugiro, eyateesanga ebigambo ne Dawudi, okuva mu kibuga kye, e Giro, ng'awaayo ssadaaka. Okwekoba okwo ne kuba

- n'amaanyi; kubanga abantu beeyongerayongeranga bulijjo abaali ne Abusaalomu.
- 13** Awo ne wajja omubaka eri Dawudi ng'ayogera nti Emyoyo gy'abasajja ba Isiraeri gigoberedde Abusaalomu.
 - 14** Awo Dawudi n'agamba abaddu be bonna abaali naye e Yersaalemi nti Tugolokoke tudduke; bwe tutadduke tewaabeewo ku ffe anaawona Abusaalomu: mwanguwe okugenda, aleme okututuukako amangu n'atuleetako akabi, n'atta ekibuga n'obwogi bw'ekitala.
 - 15** Awo abaddu ba kabaka ne bagamba kabaka nti Laba, abaddu bo beeteseteese okukola kyonna mukama wange kabaka ky'anaayagala.
 - 16** Kabaka n'afuluma n'ab'omu nnyumba ye bonna ne bamugoberera. Kabaka n'aleka abakazi kkumi abazaana okukuuma ennyunba.
 - 17** Awo kabaka n'afuluma, abantu bonna ne bamugoberera; ne babeera e Besu-meraki.
 - 18** Abaddu be bonna ne bamuyitako ku mabbali; n'Abakeresi bonna n'Abaperesi bonna n'Abagitti bonna, abasajja lukaaga abaamugoberera okuva e Gaasi, ne bayita mu maaso ga kabaka.
 - 19** Awo kabaka n'agamba Ittayi Omugitti nti Naawe ogendera ki naffe? ddayo obeere ne kabaka: kubanga oli mugenyi era eyagobebwa; ddayo ewuwo ggwe.
 - 20** Ggwe eyajja olwa jjo, nandikutambuzizza eruuyi n'eruuyi wamu naffe leero, kubanga nze enda gye nnyinza okugenda? ddayo, ozzeeyo ne baganda bo; okusaasira n'amazima bibeere naawe.
 - 21** Ittayi n'addamu kabaka n'ayogera nti Mukama nga bw'ali omulamu ne mukama wange kabaka nga bw'ali omulamu, mazima mu kifo kyonna mukama wange kabaka w'anaabanga, oba okufa oba okuba omulamu, eyo n'omuuddu wo gy'anaabanga.
 - 22** Awo Dawudi n'agamba Ittayi nti Genda osomoke. Ittayi Omugitti n'asomoka n'abasajja be bonna n'abaana abato bonna abaali naye.
 - 23** Ensi yonna ne bakaaba n'eddoboozi ddene, abantu bonna ne basomoka: ne kabaka naye n'asomoka akagga Kidulooni, abantu bonna ne basomokera awali ekkubo eridda mu ddungu.
 - 24** Awo, laba, Zadooki naye n'ajja n'Abaleevi bonna nga bali naye, nga basitula essanduuko ey'endagaano ya Katonda; ne bassa essanduuko ya Katonda, Abiyasaali n'ayambuka okutuusa abantu bonna lwe baamala okuva mu kibuga.
 - 25** Kabaka n'agamba Zadooki nti Situla essanduuko ya Katonda ogizzeeyo mu kibuga: bwe ndiraba ekisa mu maaso ga Mukama, alinkomyawo, aligindaga yo era n'ennyumba ye:
 - 26** naye bw'alyogera bw'atyo nti Sikusanyukira n'akatono; laba, nze nzuuno, ankole nga bw'asiima.
 - 27** Era kabaka n'agamba Zadooki kabona nti Ggwe toli mulabi? ddayo mu kibuga mirembe, ne batabani bo bombi naawe, Akimaazi mutabani wo ne Yonasaani mutabani wa Abiyasaali.
 - 28** Laba, nze ndirindirira ku misomoko egy'omu ddungu okutuusa ekigambo lwe kiriva gye muli okuntegeeza.
 - 29** Awo Zadooki ne Abiyasaali ne basitula essanduuko ya Katonda ne bagizza e Yersaalemi: ne babeera eyo.
 - 30** Awo Dawudi n'alinnya awayambukirwa ku lusozi olw'emizeyituuni, n'akaaba amaziga ng'alinnya; era yali yeebisse omutwe nga talina ngatto: n'abantu bonna abaali naye ne beebikka buli muntu omutwe ne balinnya, nga bakaaba amaziga nga balinnya.
 - 31** Ne wabaawo eyabuulira Dawudi nti Akisoferi ali mu bo abeekobaanye ne Abusaalomu. Dawudi n'ayogera nti Nkwegayiridde, ai Mukama, fuula okuteesa kwa Akisoferi okuba obusirusiru.
 - 32** Awo olwatuuka Dawudi bwe yatuuka ku ntikko awalinnyirwa, kwe baayimanga

okusinza Katonda, laba, Kusaayi Omwaluki n'ajja okumusisinkana ng'ayuzizza ekizibawo kye n'ettaka nga liri ku mutwe gwe:

- 33 Dawudi n'amugamba nti Bw'onooyita nange, ononzitoowerera:
- 34 naye bw'onoddayo mu kibuga n'ogamba Abusaalomu nti Nze naabanga omuddu wo, ai kabaka; nga bwe nnabanga omuddu wa kitaawo mu biro eby'edda, bwe ntyo bwe naabanga omuddu wo kaakano: kale ononzitira okuteesa kwa Akisoferi.
- 35 Era tolina eyo wamu naawe Zadooki ne Abiyasaali bakabona? awo olunaatuukanga buli kigambo kyonna ky'onoowuliranga okuva mu nnyumba ya kabaka, onookibuuliranga Zadooki ne Abiyasaali bakabona.
- 36 Laba, balina eyo gye bali batabani baabwe bombi. Akimaazi mutabani wa Zadooki ne Yonasaani mutabani wa Abiyasaali; era abo be munaantumiranga okuntegeeza buli kigambo kye munaawuliranga.
- 37 Awo Kusaayi mukwano gwa Dawudi n'ayingira mu kibuga; Abusaalomu n'ayingira mu Yerusalemi.

Essuula 16

- 1 Awo Dawudi bwe yali ng'ayise ku ntikko awayambukirwa ebbanga ttono, laba, Ziba omuddu wa Mefibosesi n'asisinkana naye ng'alina endogoyi bbiri eziriko amatandiiko, nga zeetisse emigaati ebikumi bibiri n'ebirimba eby'eza bbibu enkalu kikumi, n'ebye'ebibala eby'ekyeya kikumi, n'ekita ky'omwenge.
- 2 Kabaka n'agamba Ziba nti Bino amakulu gaabyo ki? Ziba n'ayogera nti Endogoyi za ba mu nnyumba ya kabaka okwebagalanga; n'emigaati n'ebibala eby'ekyeya bya balenzi okulya; n'omwenge abaliyongobera mu ddungu banywe.
- 3 Kabaka n'ayogera nti N'omwana wa mukama wo ali ludda wa? Ziba n'agamba kabaka nti Laba, abeera e Yerusalemi: kubanga ayogedde nti Leero ennyumba ya Isiraeri erinziriza obwakabaka bwa kitange.
- 4 Awo kabaka n'agamba Ziba nti Laba, ebya Mefibosesi byonna bibyo. Ziba n'ayogera nti Neeyanze; anje mu maaso go, mukama wange, ai kabaka.
- 5 Awo kabaka Dawudi bwe yatuuka e Bakulimu, laba, ne mufulumu omwo omusajja ow'oku nda y'ennyumba ya Sawulo, erinnya lye Simeeyi, mutabani wa Gera: n'afulumu n'ajja, n'akolima ng'ajja ng'akolima.
- 6 N'akasuukirira Dawudi amayinja n'abaddu bonna aba kabaka Dawudi: n'abantu bonna n'abasajja bonna ab'amaanyi baali ku mukono gwe ogwa ddyo ne ku gwa kkono.
- 7 Awo Simeeyi n'ayogera bw'atyo bwe yakolima nti Vaawo; vaawo, ggwe omusajja ow'omusaayi, era omusajja wa Beriali:
- 8 Mukama azzizza ku ggwe omusaayi gwonna ogw'ennyumba ya Sawulo, mu kifo kye mw'oyima okufuga; era Mukama awaddeyo obwakabaka mu mukono gwa Abusaalomu mutabani wo: era, laba, otegeddwa mu lukwe lwo ggwe, kubanga oli musajja wa musaayi.
- 9 Awo Abisaayi mutabani wa Zeruyiya n'agamba kabaka nti Embwa eno enfu ekinaaba kimukolimizza mukama wange kabaka kiki? nsomoke, nkwegayiridde, mmuggyeke omutwe.
- 10 Kabaka n'ayogera nti Nfaayo ki eri mmwe, mmwe batabani ba Zeruyiya? Kubanga akolima era kubanga Mukama amugambye nti Kolimira Dawudi; kale anaayogera nti Kiki ekikukozezza bw'otyo?
- 11 Dawudi n'agamba Abisaayi n'abaddu be bonna nti Laba, mutabani wange eyava mu ntumbwe zange anoonya obulamu bwange: Omubenyamini oyo taasinge nnyo? mumuleke akolime; kubanga Mukama amulagidde.

- 12 Mpozzi Mukama anaatunuulira ekibi ekinkoledwa, era Mukama alinsasula obulungi olw'okunkolimira leero.
- 13 Awo Dawudi n'abasajja be ne batambula mu kkubo: Simeeyi n'ayita ku lusozi okumwolekera, n'akolima ng'agenda, n'amukasuukirira amayinja n'ayiwa enfuufu.
- 14 Kabaka n'abantu bonna abaali naye ne bajja nga bakoooye; n'aweereraweerera eyo.
- 15 Awo Abusaalomu n'abantu bonna abasajja ba Isiraeri ne bajja e Yersaalemi ne Akisoferi wamu naye.
- 16 Awo olwatuuka Kusaayi Omwaluki, mukwano gwa Dawudi, bwe yajja eri Abusaalomu, Kusaayi n'agamba Abusaalomu nti Kabaka abeere omulamu, kabaka abeere omulamu.
- 17 Abusaalomu n'agamba Kusaayi nti Kino kye kisa kyo eri mukwano gwo? ekyakulobera okugenda ne mukwano gwo kiki?
- 18 Kusaayi n'agamba Abusaalomu nti Nedda; naye oyo Mukama n'abantu bano n'abasajja ba Isiraeri bonna gwe balonze n'abanga wuwe era n'abeeranga naye.
- 19 Era nate nandiweerezza ani? sandiweerezza mu maaso g'omwana we? nga bwe nnaaweererezza mu maaso ga kitaawo, bwe ntyo bwe nnaabeeranga mu maaso go.
- 20 Awo Abusaalomu n'agamba Akisoferi nti Sala amagezi bwe tuba tukola.
- 21 Akisoferi n'agamba Abusaalomu nti Yingira eri abazaana ba kitaawe b'alese okukuuma ennyumba: awo Isiraeri yenna baliwulira nga kitaawo akutamiddwa: awo emikono gya bonna abali naawe ne giryoka giba n'amaanyi.
- 22 Awo ne bamutimbira Abusaalomu eweema waggulu ku nnyumba; Abusaalomu n'ayingira eri abazaana ba kitaawe mu maaso ga Isiraeri yenna.
- 23 N'okuteesa kwa Akisoferi, kwe yateesanga mu biro ebyo, kwabanga ng'omuntu bw'abuuzza awali ekigambo kya Katonda: bwe kutyo bwe kwabanga okuteesa kwonna okwa Akisoferi eri Dawudi era n'eri Abusaalomu.

Essuula 17

- 1 Era nate Akisoferi n'agamba Abusaalomu nti Ka nnonde nno abasajja kakumi mu enkumi bbiri ng'olokoke ngoberere Dawudi ekiro kino:
- 2 era naamutuukako ng'akooye n'emikono gye nga minafu ne mmutiisa: n'abantu bonna abali naye banadduka; era naakuba kabaka yekka:
- 3 n'abantu bonna naabakomyawo gy'oli: omusajja gw'onoonya kyenkana bonna nga abakomyewo: kale abantu bonna baliba mirembe.
- 4 Ekigambo ekyo Abusaalomu n'akisiima nnyo n'abakadde ba Isiraeri bonna.
- 5 Awo Abusaalomu n'ayogera nti Mpitira nno ne Kusaayi Omwaluki, tuwulire era ye ky'anaayogera.
- 6 Awo Kusaayi ng'azze eri Abusaalomu, Abusaalomu n'amugamba nti Akisoferi ayogedde bw'atyo: tunaakola nga bw'ayogedde? oba nga si weewaawo, yogera ggwe.
- 7 Awo Kusaayi n'agamba Abusaalomu nti Okuteesa Akisoferi kw'alese omulundi guno si kulungi.
- 8 Era nate Kusaayi n'ayogera nti Omanyi kitaawo n'abasajja be nga basajja ba maanyi, era nga baliko obusungu mu myoyo gyabwe, ng'eddubu enyagiddwako abaana baayo ku ttale: era kitaawo musajja mulwany, so talisula na bantu.
- 9 Laba, kaakano yeekwese mu bunnya oba walala: awo olunaatuuka bwe wanaabaawo ku bo abamu abanaagwa olubereberye, buli anaawulira anaayogera nti Wabaddewo okuttibwa kungi mu bantu abagoberera Abusaalomu.
- 10 Awo era n'omuzira alina omutima ogulianga omutima gw'empologoma, aliyongoberera ddala: kubanga Isiraeri yenna bamanyi kitaawo nga musajja wa maanyi, n'abo abali naye nga basajja bazira.

- 11 Naye nze nkuwa amagezi okukuaanya gy'oli Isiraeri yenna, okuva ku Ddaani okutuuka e Beeruseba, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja obungi; naawe mwene otabaale.
- 12 Awo tulimusanga mu kifo w'alirabikira, naffe tulimugwako ng'omusulo bwe gugwa ku ttaka: naye n'abasajja bonna abali naye tetulisigazaako n'omu.
- 13 Era nate bw'aliba nga agenze mu kibuga, kale Isiraeri yenna alireeta emigwa eri ekibuga ekyo, ne tukiwalulira mu mugga, okutuusa lwe watalirabikayo kayinja n'akamu.
- 14 Awo Abusaalomu n'abasajja ba Isiraeri bonna ne boogera nti Okuteesa kwa Kusaayi Omwaluki kusinze okuteesa kwa Akisoferi. Kubanga Mukama yali ataddewo okutta okuteesa okulungi okwa Akisoferi, Mukama alyoke aleete obubi ku Abusaalomu.
- 15 Awo Kusaayi n'agamba Zadooki ne Abiyasaali bakabona nti Bw'atyo ne bw'atyo Akisoferi bw'awadde amagezi Abusaalomu n'abakadde ba Isiraeri: nange mmuwadde amagezi bw'entyo ne bwe ntyo.
- 16 Kale nno mutume mangu mubuulire Dawudi nti Tosula kiro kino ku misomoko egy'omu ddungu, naye tolema kusomoka; kabaka aleme okumalibwawo n'abantu bonna abali naye.
- 17 Era Yonasaani ne Akimaazi ne babeera ku Enerogeri; omuzaana n'agendanga n'ababuulira; ne bagenda ne babuulira kabaka Dawudi: kubanga tebandiyinzise kulabika nga bayingira mu kibuga.
- 18 Naye omulenzi n'abalaba n'abuulira Abusaalomu: ne bagenda bombi mangu ne bajja mu nnyumba ey'omusajja e Bakulimu, eyalina oluzzi mu luggya lwe; ne bakka omwo.
- 19 Omukazi n'addira ekisaanikizo n'akisaanikira ku kamwa k'oluzzi, n'afukako eaano ensekule; so tewaali kigambo ky'amanyibwa.
- 20 Awo abaddu ba Abusaalomu ne bajja eri omukazi mu nnyumba; ne boogera nti Akimaazi ne Yonasaani bali ludda wa? Omukazi n'abagamba nti Basomose akagga ak'amazzi. Awo bwe baamala okubanoonya ne batayinza kubalaba, ne baddayo e Yerusaalemi.
- 21 Awo olwatuuka nga bamaze okugenda ne balinnya ne bava mu luzzi ne bagenda ne babuulira kabaka Dawudi: ne bagamba Dawudi nti Mugolokoke musomoke amazzi mangu: kubanga gano ge magezi Akisoferi g'abasalidde.
- 22 Awo Dawudi n'agolokoka n'abantu bonna abali naye ne basomoka Yoludaani: emmambya bwe yasala nga tekubuzeeko n'omu ku bo atannasomoka Yoludaani.
- 23 Awo Akisoferi bwe yalaba nga tebakutte kigambo kyateesezza, n'ateeka amatandiiko ku ndogoyi ye n'agolokoka n'addayo eka mu kibuga kye, n'alongoosa ennyumba ye, ne yeetuga; n'afa ne bamuziika mu ntaana ya kitaawe.
- 24 Awo Dawudi n'ajja e Makanayimu. Abusaalomu n'asomoka Yoludaani, ye n'abasajja ba Isiraeri bonna wamu naye.
- 25 Abusaalomu n'afuula Amasa omukulu w'eggye mu kifo kya Yowaabu. Era Amasa yali mwana wa musajja erinnya lye Isira Omuisiraeri eyayingira eri Abbigayiri muwala wa Nakasi, muganda wa Zeruyiya nnyina Yowaabu.
- 26 Awo Isiraeri ne Abusaalomu ne basiisira mu nsi ya Gireyaadi.
- 27 Awo olwatuuka Dawudi bwe yatuuka e Makanayimu, Sobi mutabani wa Nakasi ow'e Labba eky'abaana ba Amoni ne Makiri mutabani wa Ammiyeri ow'e Lodebali ne Baluzirayi Omugireyaadi ow'e Logerimu,
- 28 ne baleeta ebitanda, n'ebibya, n'entamu, n'eaano, ne sayiri, n'obutta, n'eaano ensiike, n'ebijanjaalo, n'empindi, n'empokya ensiike,
- 29 n'omubisi gw'enjuki, n'omuzigo, n'endiga, n'amata g'ente amakalu, nga bamuleetera Dawudi n'abantu abali naye okulya: kubanga baayogera nti Abantu balumiddwa enjala

era bakooye era balumiddwa ennyonta mu ddungu.

Essuula 18

- 1 Awo Dawudi n'abala abantu abali naye n'abateekako abaami b'enkumi n'abaami b'ebikumi.
- 2 Dawudi n'agaba eggwe, ekitundu eky'okusatu nga kiri wansi w'omukono gwa Yowaabu n'ekitundu eky'okusatu nga kiri wansi w'omukono gwa Abisaayi mutabani wa Zeruyiya, muganda wa Yowaabu, n'ekitundu eky'okusatu nga kiri wansi w'omukono gwa Ittayi Omugitti. Kabaka n'agamba abantu nti Nange mwene siireme kutabaala nammwe.
- 3 Naye abantu ne boogera nti Tootabaale ggwe: kubanga ffe bwe tunadduka tebasseeoyo mwoyo eri ffe; so ffe bwe tunaafaako ekitundu kyaffe, tebasseeoyo mwoyo eri ffe: naye ggwe ku ffe wenkana kakumi omuwendo: kale nno ekisinga obulungi weeteeketeke okutudduukirira ng'oyima mu kibuga.
- 4 Kabaka n'abagamba nti Kye musiiima kye nnaakola. Kabaka n'ayimirira ku mabbali g'omulyango, abantu bonna ne bafuluma ebikumi n'enkumi.
- 5 Awo kabaka n'alagira Yowaabu ne Abisaayi ne Ittayi ng'ayogera nti Mumukwata mpola ku lwange omulenzi, Abusaalomu. Abantu bonna ne bawulira kabaka bwe yalagira abaami bonna ebigambo bya Abusaalomu.
- 6 Awo abantu ne batabaala okulwana ne Isiraeri: olutalo ne luba mu kibira kya Efulayimu.
- 7 Awo abantu ba Isiraeri ne bagobebwa eyo mu maaso g'abaddu ba Dawudi, ne waba eyo ku lunaku olwo okuttibwa kungi okw'abasajja obukumi bubiri.
- 8 Kubanga olutalo lwabuna eyo ensi yonna: ekibira ne kitta abantu bangi ku lunaku olwo okusinga ekitala be kyatta.
- 9 Awo Abusaalomu yali ali awo n'asisinkana n'abaddu ba Dawudi. Abusaalomu ne yeebagala ennyumbu ye, ennyumbu n'eyita wansi w'amatabi amazi yivu ag'omwera omunene, omutwe gwe ne gukwata ku mwera, n'asitulibwa wakati w'eggulu n'ensi; ennyumbu gye yali yeebagadde n'etambula mu maaso.
- 10 Ne waba omusajja eyakiraba n'abuulira Yowaabu n'ayogera nti Laba, ndabye Abusaalomu ng'awanikiddwa ku mwera.
- 11 Yowaabu n'agamba omusajja eyamubuulira nti Okulaba nno okirabye, kale kiki ekikulobedde okumukubira eyo wansi? nange nandikuwadde ebitundu ebya ffeeza kkumi n'olukoba.
- 12 Omusajja n'agamba Yowaabu nti Newakubadde nga enda okuweebwa mu ngalo zange ebitundu ebya ffeeza olukumi, naye sandigololedde mukono gwange ku mwana wa kabaka: kubanga twali tuwulira kabaka n'alagira ggwe ne Abisaayi ne Ittayi ng'ayogera nti Mwekuume waleme okubaawo anaakoma ku mulenzi Abusaalomu.
- 13 Naye singa nkoze eby'obulimba okutta obulamu bwe, (so tewali kigambo ekikwekebwa kabaka,) kale ggwe kennyini wandyeggyeeyo.
- 14 Awo Yowaabu n'ayogera nti Siyinja kutootoota naawe bwe ntyo. N'addirira obusaale busatu mu ngalo ze n'abumufumita Abusaalomu mu mutima, bwe yali ng'akyali mulamu wakati mu mwera.
- 15 N'abalenzi kkumi abaatwalanga ebyokulwanyisa ebya Yowaabu ne bazingiza Abusaalomu ne bamufumita ne bamutta.
- 16 Awo Yowaabu n'afuuwa ekkondeere abantu ne bakomawo okugoberera Isiraeri: kubanga Yowaabu yabaziyiza.
- 17 Ne batwala Abusaalomu ne bamusuula mu bunny buli obunene mu kibira, ne bamutumako entuumo y'amayinja nnene nnyo: awo Isiraeri yenna ne baddukira buli muntu

mu weema ye.

- 18 Era Abusaalomu bwe yali ng'akyali mulamu yaddira empagi eri mu kiwonvu kya kabaka n'agyesimbira: kubanga yayogera nti Sirina mwana kwe balijjuukirira erinnya lyange: n'ayita empagi erinnya lye ye bwe lyali: era eyitibwa kijjukizo kya Abusaalomu ne leero.
- 19 Awo Akimaazi mutabani wa Zadooki n'ayogera nti Ka nziruke kaakano ntwalire kabaka ebigambo Mukama bw'amuwalanidde eggwanga ku balabe be.
- 20 Yowaabu n'amugamba nti Tootwale bigambo leero, naye olibitwala olulala: naye leero tootwale bigambo, kubanga omwana wa kabaka afudde.
- 21 Awo Yowaabu n'agamba Omukusi nti Genda obuulire kabaka byolabye. Omukusi n'akutamira Yowaabu n'adduka.
- 22 Awo Akimaazi mutabani wa Zadooki ne yeeyongerera okugamba Yowaabu omulundi ogw'okubiri nti Ka mmale gadduka nange, nkwegayiridde, ngoberere Omukusi. Yowaabu n'ayogera nti Oyagalira ki okudduka; mwana wange, ataaweebwe mpeera olw'ebigambo?
- 23 (N'ayogera nti) Naye ka mmale gadduka. N'amugamba nti Dduka. Awo Akimaazi n'addukira mu kkubo ery'Olusenyi n'ayisa Omukusi.
- 24 Awo Dawudi yali atudde wakati w'emiryango ebiri: omukuumi n'alinnya waggulu ku wankaaki ku bbugwe, n'ayimusa amaaso ge n'atunula, kale, laba, omusajja ng'adduka yekka.
- 25 Omukuumi n'ayogerera waggulu n'abuulira kabaka. Kabaka n'ayogera nti Oba ng'ali omu, aleese ebigambo mu kamwa ke. N'ayanguwa okujja n'asembera kumpi.
- 26 Omukuumi n'alaba omusajja ow'okubiri ng'adduka: omukuumi n'akoowoola omuggazi n'ayogera nti Laba, omusajja ow'okubiri ng'adduka yekka. Kabaka n'ayogera nti Era naye aleese ebigambo.
- 27 Omukuumi n'ayogera nti Ndowooza ng'enziroka y'oyo akulembedde erianga enziruka ya Akimaazi mutabani wa Zadooki. Kabaka n'ayogera nti Ye musajja omulungi n'ebigambo by'azze nabyo birungi.
- 28 Akimaazi n'akoowoola n'agamba kabaka nti Mirembe. N'avuunama amaaso ge mu maaso ga kabaka n'ayogera nti Atenderezebwe Mukama Katonda wo, awaddeyo abasajja abaagololera omukono gwabwe ku mukama wange kabaka.
- 29 Kabaka n'ayogera nti Omulenzi Abusaalomu gy'ali mirembe? Akimaazi n'addamu nti Yowaabu bwe yatuma omuddu wa kabaka, nze omuddu wo, nalabye oluyooogaano olunene, naye ne simanya bwe lwabadde.
- 30 Kabaka n'ayogera nti Weekoolooby oylimirire eno. Ne yeekoolooby n'ayimirira buyimirizi.
- 31 Kale, laba, Omukusi n'ajja; Omukusi n'ayogera nti Ndeetedde mukama wange kabaka ebigambo: kubanga Mukama awalanye eggwanga lye leero ku abo bonna abaakugolokokerako.
- 32 Kabaka n'agamba, Omukusi nti Omulenzi Abusaalomu gy'ali mirembe? Omukusi n'addamu nti Abalabe ba mukama wange kabaka n'abo bonna abaakugolokokerako okukukola akabi babe ng'omulenzi oyo bw'ali.
- 33 Awo kabaka ne yeeraliikirira nnyo n'alinnya n'agenda mu nju eri ku wankaaki n'akaaba amaziga: awo ng'agenda n'ayogera bw'atyo nti Ai, mwana wange Abusaalomu, mwana wange, mwana wange Abusaalomu! singa nkufiiridde, ai Abusaalomu, mwana wange, mwana wange!

Essuula 19

- 1 Awo ne babuulira Yowaabu nti Laba, kabaka akaaba amaziga akungubagira

Abusaalomu.

- 2 Awo ku lunaku olwo okuwangula ne kufuuka okukungubaga eri abantu bonna: kubanga abantu ne bawulira nga boogera ku lunaku olwo nti Kabaka anakuwalira mutabani we.
- 3 Awo abantu ne badda mu kibuga ku lunaku olwo nga basooba, ng'abantu abakwaatid-dwa ensonyi bwe basooba nga badduse mu litalo.
- 4 Kabaka n'abikka ku maaso ge, kabaka n'akaaba n'eddoboozi ddene nti mwana wange Abusaalomu, ai Abusaalomu, mwana wange, mwana wange!
- 5 Awo Yowaabu n'ayingira mu nnyumba eri kabaka, n'ayogera nti Oswazizza leero amaaso g'abaddu bo bonna, abaawonyezza leero obulamu bwo n'obulamu bwa bata-bani bo ne bawala bo n'obulamu bwa bakazi bo n'obulamu bw'abazaana bo;
- 6 kubanga oyagala abakukyawa n'okyawa abakwagala. Kubanga oyatudde leero ng'abakulu n'abaddu si kintu gy'oli: kubanga leero ntegedde, singa Abusaalomu abadde mulamu naffe fenna nga tufudde leero, kale wandikisiimye nnyo.
- 7 Kale nno golokoka ofulume oyogere n'abaddu bo bulungi: kubanga ndayira Mukama, bw'otoofulume, tewaabeere naawe ekiro kino omusajja n'omu: n'ekyo kirisinga obubi ennaku zonna ze waakalaba okuva mu buto bwo ne kaakano.
- 8 Awo kabaka n'agolokoka n'atuula mu mulyango. Ne babuulira abantu bonna nti Laba, kabaka atudde mu mulyango: abantu bonna ne bakiikira kabaka. Awo Isiraeri yali addukidde buli muntu mu weema ye.
- 9 Abantu bonna ne baba nga bawakana mu bika bya Isiraeri byonna nga boogera nti Kabaka ye yatuwonya mu mukono gw'abalabe baffe, n'atulokola mu mukono gw'Abafirisuuti; kale kaakano adduse Abusaalomu okuva mu nsi.
- 10 Ne Abusaalomu gwe twafukako amafuta okutufuga afiridde mu litalo. Kale nno kiki ekibalobera okwogera ekigambo eky'okukomyawo kabaka?
- 11 Awo kabaka Dawudi n'atumira Zadooki ne Abiyasaali bakabona ng'ayogera nti Mugambe abakadde ba Yuda nti Kiki ekibalwisa mmwe okukira bonna okukomyawo kabaka mu nnyumba ye? kubanga ebigambo bya Isiraeri yenna bituuse eri kabaka, okumuleeta mu nnyumba ye.
- 12 Mmwe muli baganda bange, mmwe muli magumba gange n'omubiri gwange: kale kiki ekibalwisa okukira bonna okukomyawo kabaka?
- 13 Era mugambe Amasa nti Toli magumba gange na mubiri gwange? Katonda ankole bw'atyo n'okukirawo, oba nga toliba mukulu wa ggye mu maaso gange ennaku zonna mu kifo kya Yowaabu.
- 14 N'akutanya emitima gy'abasajja bonna aba Yuda ng'omutima gw'omuntu omu; n'okutuma ne batumira kabaka nga boogera nti Komawo ggwe n'abaddu bo bonna.
- 15 Awo kabaka n'akomawo n'ajja ku Yoludaani. Abayuda ne bajja e Girugaali okugenda okusisinkana ne kabaka, okusomosa kabaka Yoludaani.
- 16 Awo Simeeyi mutabani wa Gera, Omubenyamini ow'e Bakulimu n'ayanguwa n'aserengeta wamu n'abasajja ba Yuda okusisinkana ne kabaka Dawudi.
- 17 Era ne waba naye abasajja lukumi aba Benyamini, ne Ziba omuddu w'ennyumba ya Sawulo ne batabani be kkumi na bataano n'abaddu be amakumi abiri nga bali naye; ne basomoka Yoludaani kabaka nga waali.
- 18 Eryato ne liwunguka okuwungula ab'omu nnyumba ya kabaka n'okukola nga bw'anaasiima. Simeeyi mutabani wa Gera n'avuunamira kabaka ng'asomose Yolu-daani.
- 19 N'agamba kabaka nti Mukama wange aleme okunzisaako obutali butuukirivu, so tojjukira ekyo omuddu wo kye yakola ng'agira ekyejo ku lunaku mukama wange kabaka lwe yava mu Yerusalemi, kirumye omwoyo kabaka.
- 20 Kubanga omuddu wo amanyi nga nayonoona: laba, kyenvudde njija leero nga nze

nsoose ennyumba yonnaeya Yusufu okuserengeta okusisinkana ne mukama wange kabaka.

- 21 Naye Abisaayi mutabani wa Zeruyiya n'addamu n'ayogera nti Simeeyi tattibwe olwa kino kubanga yakolimira oyo Mukama gwe yafukako amafuta?
- 22 Dawudi n'ayogera nti Nfaayo ki eri mmwe, mmwe batabani ba Zeruyiya, mmwe okubeera leero abalabe bange? wanaabaawo anattibwa leero mu Isiraeri? kuba simanyi nga ndi kabaka wa Isiraeri leero?
- 23 Kabaka n'agamba Simeeyi nti Toofe. Kabaka n'amulayirira.
- 24 Awo Mefibosesi mutabani wa Sawulo n'aserengeta okusisinkana ne kabaka; era yali tanaabanga bigere newakubadde okumwa ebirevu newakubadde okwoza engoye ze okuva ku lunaku kabaka lwe yagenderako okutuusa ku lunaku lwe yakomawo emirembe.
- 25 Awo olwatuuka bwe yatuuka e Yerusaalemi okusisinkana ne kabaka, kabaka n'amugamba nti Kiki ekyakulobera okugenda nange, Mefibosesi?
- 26 N'ayogera nti Mukama wange, ai kabaka, omuddu wange yannimba: kubanga omuddu wo yayogera nti Naateeka amatandiiko ku ndogoyi ngyebagale ende ne kabaka; kubanga omuddu wo mulema.
- 27 Era yawaayiriza omuddu wo eri mukama wange kabaka; naye mukama wange kabaka alianga malayika wa Katonda: kale kola ekiri mu maaso go ekirungi.
- 28 Kubanga ennyumba yonna eya kitange baali bafu bufu mu maaso ga mukama wange kabaka: naye n'otuuza omuddu wo mu bo abalya ku mmeza yo ggwe. Kale nnina nsonga ki neeyongere okukaabira kabaka?
- 29 Kabaka n'amugamba nti Ekikwozeza ki nate ku bigambo byo? Nze njogera nti Ggwe ne Ziba mugabane ensi.
- 30 Mefibosesi n'agamba kabaka nti Weewaawo, atwale byonna, kubanga mukama wange kabaka atuuse mirembe mu nnyumba ye ye.
- 31 Awo Baluzirayi Omugireyaadi n'aserengeta okuva e Logerimu; n'asomoka Yoludaani wamu ne kabaka okumusomosa Yoludaani.
- 32 Era Baluzirayi yali musajja mukadde nnyo, nga yaakamaze emyaka kinaana: era yali amuliisizza kabaka bwe yali atuula e Makanayimu; kubanga yali musajja mukulu nnyo.
- 33 Kabaka n'agamba Baluzirayi nti Jjangu osomoke nange, nange ndikuliisiza wamu nange mu Yerusaalemi.
- 34 Baluzirayi n'agamba kabaka nti Ennaku ez'emyaka egy'obulamu bwange zenkana wa, nnyambuke ne kabaka ende e Yerusaalemi?
- 35 Leero naakamaze emyaka kinaana: nnyinza okwawulamu ebirungi n'ebibi? omuddu we, awoomerwa bye ndya oba bye nnywa? nkyayinza okuwulira eddoozi ly'abasajja abayimba n'abakazi abayimba? kale omuddu wo yandibeeredde ki nate azitoowerera mukama wange kabaka?
- 36 Omuddu wo ayagala okusomoka Yoludaani obusomosi wamu ne kabaka era olw'ekyo kabaka yandimpeeredde ki empeera eyenkanidde awo?
- 37 Nkwegayiridde, omuddu wo addeyo nate afire mu kibuga ky'ewaffe, awali entaana ya kitange ne mmange. Naye, laba, omuddu wo Kimamu; oyo ye aba asomoka ne mukama wange kabaka; era omukolanga ky'olisiima.
- 38 Kabaka n'addamu nti Kimamu anaasomoka nange, era ndimukola ky'olisiima: era kyonna ky'olyagala okunteekako, ndikukikolera.
- 39 Abantu bonna ne basomoka Yoludaani kabaka n'asomoka: kabaka n'anywegera Baluzirayi n'amusabira omukisa; n'addayo mu kifo kye ye.
- 40 Awo kabaka n'asomoka n'agenda e Girugaali, Kimamu n'asomoka naye: abantu bonna aba Yuda ne basomosa kabaka era n'ekitundu ky'abantu ba Isiraeri.

- 41** Awo, laba, abasajja ba Isiraeri bonna ne bajja eri kabaka ne bagamba kabaka nti Baganda baffe abasajja ba Yuda bakubbidde ki, ne basomosa Yoludaani kabaka n'ab'omu nnyumba ye n'abasajja ba Dawudi bonna wamu naye?
- 42** Awo abasajja ba Yuda bonna ne baddamu abasajja ba Isiraeri nti Kubanga kabaka atuli kumpi mu luganda: kale musunguwalira ki olw'ekigambo ekyo? twali tulidde n'akatono ekintu kyonna ekya kabaka? oba atuwadde ekirabo kyonna?
- 43** Awo abasajja ba Isiraeri ne baddamu abasajja ba Yuda ne boogera nti Ebitundu kkumi ebya kabaka byaffe, era ffe tulina bingi mu Dawudi okukira mmwe: kale mwatunyoomera ki obutasooka kubuuzza ffe nga muteesa naffe okukomyawo kabaka waffe? Ebigambo eby'abasajja ba Yuda ne bisinga obukambwe ebigambo eby'abasajja ba Isiraeri.

Essuula 20

- 1** Awo omusajja wa Beriali yali ali eyo, erinnya lye Seba, mutabani wa Bikuli, Omubenyamini: n'afuuwa ekkondeere n'ayogera nti Tetulina mugabo mu Dawudi so tetulina busika mu mutabani wa Yese: mudde buli muntu mu weema ze, ggwe Isiraeri.
- 2** Awo abasajja ba Isiraeri bonna ne baddayo okuleka okugoberera Dawudi ne bagoberera Seba mutabani wa Bikuli: naye abasajja ba Yuda ne beegatta ne kabaka waabwe, okuva ku Yoludaani okutuuka e Yerusaalemi.
- 3** Awo Dawudi n'ajja mu nnyumba ye e Yerusaalemi; kabaka n'atwala abakazi kkumi abazaana be, be yali alese okukuuma ennyumba, n'abateeka mu kkomera n'abalisinga, naye n'atayingira gye bali. Awo ne basibibwa okutuusa ku lunaku kwe baafiira nga tebalina ba bbaabwe.
- 4** Awo kabaka n'agamba Amasa nti Mpitira abasajja ba Yuda bakuaane ennaku ssatu nga tezinnyitawo, naawe obeeranga wano.
- 5** Awo Amasa n'agenda okukuaanya Yuda: naye n'amala ebiro okukira bye yamuteekera awo.
- 6** Dawudi n'agamba Abisaayi nti Kaakano Seba mutabani wa Bikuli alitukola obubi okusinga Abusaalomu bwe yakola: twala abaddu ba mukama wo omugoberere aleme okugenda mu bibuga ebiriko enkomera n'awona okuva mu maaso gaffe.
- 7** Ne wafulumu okumugoberera abasajja ba Yowaabu n'Abakeresi n'Abaperesi n'abasajja bonna ab'amaanyi: ne bava mu Yerusaalemi okuyigganya Seba mutabani wa Bikuli.
- 8** Bwe baatuuka ku jjinja eddene eriri mu Gibyoni, Amasa n'ajja okubasisinkana. Era Yowaabu yali yeesibye ebyambalo bye eby'entalo bye yayambala, era nga kuliko olukoba n'ekitala nga kisibiddwa mu kiwato kye mu kiraato kyakyo; awo ng'afulumu n'ekisowokamu ne kigwa.
- 9** Yowaabu n'agamba Amasa nti Oli mirembe, muganda wange? Yowaabu n'akwata Amasa ku kirevu n'omukono gwe ogwa ddyo okumunywegera.
- 10** Naye Amasa n'atassaayo mwoyo eri ekitala ekyali mu mukono gwa Yowaabu: n'amufumisa ekyo olubuto n'ayiwa ebyenda bye wansi n'atamufumita lwa kubiri; n'afa. Yowaabu ne Abisaayi muganda we ne bayigganya Seba mutabani wa Bikuli.
- 11** Awo ne wayimirira wali omu ku balenzi ba Yowaabu n'ayogera nti Ayagala Yowaabu era ali ku luuyi lwa Dawudi agoberere Yowaabu.
- 12** Era Amasa yali agalamidde nga yeekulukuunya mu musaayi gwe wakati mu luguudo. Awo omusajja oyo bwe yalaba ng'abantu bonna bayimiridde buyimirizi, n'asitula Amasa n'amugya mu luguudo n'amutwala ku ttale, n'amusuulako ekyambalo, bwe yalaba buli amuyitako ng'ayimirira.
- 13** Awo bwe yaggibwa mu luguudo, abantu bonna ne beeyongerayo nga bagoberera

Yowaabu, okuyigganya Seba mutabani wa Bikuli.

- 14 N'atambula n'abunya ebika byonna ebya Isiraeri n'atuuka e Aberi ne Besumaaka n'Ababeri bonna ne bakuaana ne bamugoberera nabo.
- 15 Ne bajja ne bamuzingiza mu Aberi eky'e Besumaaka, ne batuuma ekifunvu ku kibuga nga kyolekera ekigo: abantu bonna abaali ne Yowaabu ne bakoonanga bbugwe okumusula.
- 16 Awo omukazi ow'amagezi n'ayogerera waggulu ng'ayima mu kibuga nti Muwulire, muwulire; mbeegayiridde, mugambe Yowaabu nti Sembera wano njogere naawe.
- 17 N'amusementera; omukazi n'ayogera nti Ggwe Yowaabu? N'addamu nti Nze nzuuyo. N'alyoka amugamba nti Wulira ebigambo eby'omuzaana wo. N'addamu nti Mpulira.
- 18 N'alyoka ayogera nti Edda baayogeranga nti Tebalirema kubuuliza magezi e Yaberi: ne bamalira awo ekigambo.
- 19 Nze ndi wa ku abo abaagala emirembe era abeesigwa mu Isiraeri: oyagala okuzikiriza ekibuga ne nnyina w'abaana mu Isiraeri: oyagalira ki okumira obusika bwa Mukama?
- 20 Yowaabu n'addamu n'ayogera nti Kiddire eri, kiddire eri nze okumira oba okuzikiriza.
- 21 Ekigambo si bwe kiri bwe kityo: naye omusajja ow'ensi ey'ensozi eya Efulayimu, erinnya lye Seba mutabani wa Bikuli, agoledde omukono gwe ku kabaka, ku Dawudi: mumuweeyo ye yekka, nange n'ava ku kibuga. Omukazi n'agamba Yowaabu nti Laba, omutwe gwe gunaakasukibwa eri ggwe ku bbugwe.
- 22 Awo omukazi n'agenda eri abantu bonna n'amagezi ge. Ne bamusalako omutwe Seba mutabani wa Bikuli, ne bagukasuka eri Yowaabu. N'afuuwa ekkondeere, ne basaasaana okuva ku kibuga, buli muntu mu weema ve. Yowaabu n'addayo e Yerusaalemi eri kabaka.
- 23 Awo Yowaabu ye yali omukulu w'eggye lyonna erya Isiraeri: ne Benaya mutabani wa Yekoyaada ye yali omukulu w'Abakeresi n'Abaperesi;
- 24 ne Adolaamu ye yali omusolooza w'omusolo: ne Yekosafaati mutabani wa Akirudi ye yali omujjukiza:
- 25 ne Seva ye yali omuwandiisi: ne Zadooki ne Abiyasaali be baali bakabona:
- 26 ne Ira Omuyayiri naye yali mukulu wa Dawudi.

Essuula 21

- 1 Awo ne waba enjala ku mirembe gya Dawudi emyaka esatu buli mwaka nga guddirira gunnaagwo; Dawudi n'anoonya amaaso ga Mukama. Mukama n'ayogera nti Lwa Sawulo na lwa nnyumba ye ey'omusaayi, kubanga yatta Abagibyoni.
- 2 Kabaka n'ayita Abagibyoni n'abagamba: (era Abagibyoni tebaali ba ku baana ba Isiraeri naye ba ku kitimdu ekyasigala eky'Abamoli; n'abaana ba Isiraeri baali babal-ayiridde: Sawulo n'ayagala okubatta ng'akwatiddwa obuggya olw'abaana ba Isiraeri ne Yuda:)
- 3 Dawudi n'agamba Abagibyoni nti Naabakolera ki? era naatangirira na ki, mulyoke musabire omukisa obusika bwa Mukama?
- 4 Awo Abagibyoni ne bamugamba nti si kigambo kya ffeeza oba zaabu eri ffe ne Sawulo oba nnyumba ye; so tekitusaanira kutta muntu yenna mu Isiraeri. N'ayogera nti Kye munaayogera naakibakolera.
- 5 Ne bagamba kabaka nti Omusajja eyatuzikiriza n'atusalira amagezi, tumalibwewo obutabeera mu nsalo zonna eza Isiraeri,
- 6 baweeyo eri ffe abasajja musanvu ku batabani be, tubawanike eri Mukama mu Gibeya ekya Sawulo omulonde wa Mukama. Kabaka n'ayogera nti Ndibawaayo.
- 7 Naye kabaka n'asonyiwa Mefibosesi mutabani wa Yonasaani mutabani wa Sawulo,

olw'ekirayiro kya Mukama ekyali wakati waabwe, wakati wa Dawudi ne Yonasaani mutabani wa Sawulo.

- 8** Naye kabaka n'atwala batabani ba Lizupa muwala wa Aya bombi, be yazaalira Sawulo, Alumoni ne Mefibosesi: ne batabani ba Mikali muwala wa Sawulo abataano, be yazaalira Aduliyeri mutabani wa Baluzirayi Omumekolasi:
- 9** n'abawaayo mu mikono gy'Abagibyoni, ne babawanikira ku lusozi mu maaso ga Mukama, ne bafira wamu (bonna) omusanvu: era battibwa mu biro eby'amakungula nga kyebijje bisooke, amakungula ga sayiri nga gatanudde okubaawo.
- 10** Awo Lizupa muwala wa Aya n'addirira ebibukutu n'abyeyalira ku lwazi, okuva ku makungula we gaasookera okutuusa amazzi lwe gabafukibwako agava mu ggulu; n'ataganya nnyonyi za mu bbanga kubagwako emisana newakubadde ensolo ez'omu nsiko ekiro.
- 11** Ne babuulira Dawudi Lizupa muwala wa Aya, omuzaana wa Sawulo, bye yakola.
- 12** Dawudi n'agenda n'aggya amagumba ga Sawulo n'amagumba ga Yonasaani mutabani we ku basajja ab'e Yabesugireyaadi, abaali bagabbye mu luguudo olw'e Besusani Abafirisuuti gye baagawanikira ku lunaku Abafirisuuti kwe battira Sawulo e Girubowa:
- 13** n'aggyayo amagumba ga Sawulo n'amagumba ga Yonasaani mutabani we; ne bakuaanya amagumba g'abo abaawanikibwa.
- 14** Ne baziika amagumba ga Sawulo ne Yonasaani mutabani we mu nsi ya Benyamini mu Zeera mu ntaana ya Kiisi kitaawe: ne bakola byonna kabaka bye yalagira. Awo oluvannyuma lw'ebyo Katonda ne yeegayirirwa ensi.
- 15** Awo Abafirisuuti ne balwana nate ne Isiraeri; Dawudi n'aserengeta n'abaddu be wamu naye n'alwana n'Abafirisuuti: Dawudi n'ayongobera.
- 16** Awo Isubibenobu ow'oku baana b'erintu liri, obuzito bw'effumu lye sekeri za kikomo ebikumi bisatu, nga yeesibye (ekitala) ekiggya, n'ayagala okutta Dawudi.
- 17** Naye Abisaayi mutabani wa Zeruyiya n'amuddukirira n'afumita Omufirisuuti n'amutta. Awo abasajja ba Dawudi ne bamulayiyira nga boogera nti Tokyatabaala naffe oleme okuzikiza ettabaaza ya Isiraeri.
- 18** Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo ne waba nate entalo n'Abafirisuuti e Gobu: awo Sibbekayi Omukusasi n'atta Safu ow'oku baana b'erintu liri.
- 19** Awo ne waba nate entalo n'Abafirisuuu e Gobu; awo Erukanani mutabani wa Yaale-ole-gimu Omubesirekemu n'atta Goliyaasi Omugitti, olunyago lw'effumu lye lwalinga omuti ogulukirwako engoye.
- 20** Ne waba nate entalo e Gaasi, ne wabaayo omusajja omuwanvu ennyo, eyalina engalo omukaaga ku buli mukono n'obugere omukaaga ku buli kigere, omuwendo gwabyo abiri mu bina; era naye yazaalirwa erintu liri.
- 21** Awo bwe yasoomoza Isiraeri, Yonasaani mutabani wa Simeeyi muganda wa Dawudi n'amutta.
- 22** Abo abaana baazaalirwa erintu liri e Gaasi; ne bagwa n'omukono gwa Dawudi n'omukono gw'abaddu be.

Essuula 22

- 1** Awo Dawudi n'agamba Mukama ebigambo eby'oluyimba luno ku lunaku Mukama kwe yamuwonyeza mu mukono gw'abalabe be bonna ne mu mukono gwa Sawulo:
- 2** n'ayogera nti Mukama lwe lwazi lwange era ekigo kyange era omulokozi wange, owange nze;
- 3** Katonda ow'olwazi lwange, oyo gwe nneesiganga; Engabo yange, era ejjembe ery'obulokozi bwange, ekigo kyange ekiwanvu, era ekiddukiro kyange; Omulokozi

wange, ggwe omponya mu kyejo.

- 4 Naakaabira Mukama, asaanidde okutenderezewa: Bwe ntyo bwe nnaalokokanga eri abalabe bange.
- 5 Kubanga amayengo ag'okufa gazingiza, Amataba ag'obutatya Katonda ne gantiisa.
- 6 Emigwa egy'emagombe gyanneetoolola: Ebyambika eby'okufa byantuukako.
- 7 Bwe nnalaba ennaku ne nkaabira Mukama, Weewaawo, nakaabira Katonda wange: N'awulira eddoozi lyange ng'ayima mu yeekalu ye, Okukaaba kwange ne kutuuka mu matu ge.
- 8 Ensi n'eryoka esagaasagana n'ekankana, Emisingi gy'eggulu ne gijjulukuka Ne gikankanyizibwa, kubanga asunguwadde.
- 9 Omukka ne gunyooka okuva mu nnyindo ze, N'omuliro ogwava mu kamwa ke ne gwokya: Ne gukwata amanda.
- 10 Yakutamy n'eggulu n'aserengeta; Ekizikiza ekiziyivu ne kiba wansi w'ebigere bye.
- 11 Ne yeebagala kerubi n'abuuka: Weewaawo, yalabikira ku biwawaatiro by'empewo.
- 12 N'afuula ekizikiza okuba eweema ezimwetoolola: Amazzi we gakuana, ebire ebiziyivu eby'omu ggulu.
- 13 Okumasamasa okwali mu maaso ge Ne kwasa amanda ag'omuliro.
- 14 Mukama n'abwatuka ng'ayima mu ggulu, Ali waggulu ennyo n'aleeta eddoozi lye.
- 15 N'alasa obusaale n'abasaasanya; N'aweereza okumyansa n'abeeraliikiriza.
- 16 Awo ensalosaloz'ennyanya ne ziryoka zirabika, Emisingi gy'ensi ne gyeruka, Olw'okunyenya kwa Mukama, Olw'okufuuwa omukka ogw'omu nnyindo ze.
- 17 Yatuma ng'ayima waggulu n'antwala; N'ampalula n'anziya mu mazzi amangi;
- 18 N'amponya eri omulabe wange ow'amaanyi, Eri abo abaankyawa; kubanga bannyinga amaanyi.
- 19 Bangwako ku lunaku kwe nnalabira ennaku: Naye Mukama ye yannyweza.
- 20 Era n'anfulumya n'andeeta mu kifo ekigazi: Yamponya kubanga yansanyukira.
- 21 Mukama yampa empeera ng'obutuukirivu bwange bwe bwali: Anasudde ng'obulongoofu bw'engalo zange bwe bwali.
- 22 Kubanga nakuumanga amakubo ga Mukama, So siddanga ku Katonda wange lwa kyejo.
- 23 Kubanga emisango gye gyonna gy'abanga mu maaso gange: N'amateeka ge sigavangamu.
- 24 Era nabanga eyatuukirira eri ye, ne nneekuuma mu butali butuukirivu bwange.
- 25 Mukama kyavudde ansasula ng'obutuukirivu bwange bwe bwali: Ng'obulongoofu bwange bwe bwali mu maaso ge.
- 26 Awali ow'ekisa oneeraganga wa kisa, Awali omuntu eyatuukirira oneeraganga mutuukirivu;
- 27 Awali omulongoofu oneeraganga mulongoofu; Era awali omukakanyavu oneeraganga aziyiza.
- 28 Era olirokola abantu abaabonyabonyezewa: Naye amaaso go gatunuulira ab'amalala obasse wansi.
- 29 Kubanga ggwe ttabaaza yange, ai Mukama: Era Mukama alyakira ekizikiza kyange.
- 30 Kubanga ku lulwo nziruka mbiro ne nnumba ekibiina: Ku lwa Katonda wange mbuuka ekigo:
- 31 Katonda ekkubo lye lyatuukirira: Ekigambo kya Mukama kyakemebwa; Oyo ye ngabo eri abo bonna abamwesiga.
- 32 Kubanga ani Katonda wabula Mukama? Oba ani lwazi wabula Katonda waffe?
- 33 Katonda kye kigo kyange eky'amaanyi: Era aluamya eyatuukirira mu kkubo lye.
- 34 Afuula ebigere bye okuba (ng'ebigere) by'ennangaazi: Era anteeka ku bifo byange ebigulumivu.

- 35 Ayigiriza engalo zange okulwana; Emikono gyange ne gitega omutego ogw'ekikomo.
- 36 Era ompadde engabo ey'obulokozi bwo: N'obuwombeefu bwo bungulumizizza.
- 37 Wagaziya ebisinde byange wansi wange, Ebigere byange ne bitaseerera.
- 38 Nayigganya abalabe bange, ne mbazikiriza; So saakyuka nate nga tebannamalibwawo.
- 39 Era mbamazeewo ne mbafumitira ddala n'okuyinza ne batayinza kugolokoka: Weewaawo, bagudde wansi w'ebigere byange.
- 40 Kubanga onsibye amaanyi ag'okulwana: Owangudde wansi wange abo abangolokokerako.
- 41 Era abalabe bange obankubizza amabega, nzikirize abo abankyawa.
- 42 Baatunula naye tewali wa kulokola; Baatunuulira Mukama naye n'atabaddamu.
- 43 Awo ne mbasekulirasekulira ddala ng'enfuufu ey'oku nsi, Nabasamba ng'ebitosi eby'omu nguudo ne mbasaasaanya.
- 44 Era omponyeeza mu kuwakana kw'abantu bange; N'onkuuma okuba omutwe gw'amawanga: Eggwanga lye ssimanyanga Lirimpeereza.
- 45 Bannaggwanga balinjeemulukukira: Nga kyebajje bampulire baliondera.
- 46 Bannaggwanga baliggweerera, Era baliva mu bifo byabwe eby'ekyama nga bakankana.
- 47 Mukama mulamu; era lwazi lwange atenderezebwe; Agulumizibwe Katonda ow'olwazi olw'obulokozi bwange:
- 48 Ye Katonda ampalanira eggwanga, N'assa amawanga wansi wange,
- 49 Era anziya mu balabe bange: Weewaawo, ongulumiza okusinga abo abangolokokerako: Omponya eri omusajja ow'ekyejo.
- 50 Kyennaava nkwebaza, ai Mukama, mu mawanga, ne nnyimba okutendereza erinnya lyo.
- 51 Awa kabaka we obulokozi obunene: Era amukola eby'ekisa ekingi oyo gwe yafukako amafuta, Dawudi n'ezzadde lye emirembe gyonna.

Essuula 23

- 1 Bino bye bigambo bya Dawudi eby'enkomerero. Dawudi mutabani wa Yese ayogera, Era omusajja eyagulumizibwa waggulu ayogera, Katonda wa Yakobo gwe yafukako amafuta, Era asanyusa olwa zabbuli za Isiraeri:
- 2 Omwoyo gwa Mukama gw'ayogerera mu nze, Ekigambo kye ne kiba ku lulimi lwange.
- 3 Katonda wa Isiraeri yayogera, Lwazi lwa Isiraeri yaamba: Omuntu afuga abantu n'obutuukirivu, Afuga ng'atya Katonda,
- 4 Aliba ng'omusana gw'enkya, enjuba bw'evaayo, Obudde obw'enkya obutaliiko bire; Omuddo omugonvu (bwe guva) mu ttaka, Olw'okwaka okutangalijja enkuba ng'ekedde.
- 5 Mazima ennyumba yange si bw'eri bw'etyo eri Katonda; Naye yalagaana nange endagaano eterivaawo, Eyeeteeseteese mu byonna era ey'enkalakkalira; Kubanga bwe bulokozi bwange bwonna era kye nneegomba kyonna, Newakubadde nga takikuza.
- 6 Naye abatatya Katonda bonna baliba ng'amaggwa ag'okusindikibwa, Kubanga tegayinza kukwatibwa na mukono:
- 7 Naye omuntu agakomako Kimugwanira okubeerera ddala n'ekyuma n'olunyago lw'effumu; Era galyokerwa ddala omulizo mu kifo kyago.
- 8 Gano ge mannya ag'abasajja ab'amaanyi Dawudi be yalina: Yosebubasusebesi Omutakemoni, omukulu w'abaami; era bwe yali bw'atyo Adino Omwezeni, eyalwana n'olunaana abattirwa awamu.

- 9 Erezaali n'amuddirira mutabani wa Dodayi omwana w'Omwakoki omu ku basajja abasatu ab'amaanyi abaali ne Dawudi, bwe baasoomoza Abafirisuuti abaali bakuaanidde eyo okulwana, n'abasajja ba Isiraeri nga bagenze:
- 10 n'agolokoka n'atta Abafirisuuti omukono gwe ne gukoowa, omukono gwe ne gwegatta n'ekitala: Mukama n'aleeta okuwangula okunene ku lunaku olwo; abantu ne baddayo ennyuma we okunyaga obunyazi.
- 11 Ne Samma mutabani wa Agee Omukalali ye yamuddirira. Awo Abafirisuuti baali bakuaanye okuba ekibiina awaali omusiri ogw'ebijanjaalo; abantu ne badduka Abafirisuuti.
- 12 Naye ye n'ayimirira wakati mu musiri n'agukuuma n'atta Abafirisuuti: Mukama n'aleeta okuwangula okunene.
- 13 N'abasatu ku bakulu amakumi asatu ne baserengeta ne bajja eri Dawudi mu biro eby'amakungula eri empuku Adulamu; n'ekibiina ky'Abafirisuuti baali basiisidde mu kiwonvu Lefayimu.
- 14 Era Dawudi yali mu mpuku mu biro ebyo n'Abafirisuuti ab'omu kigo baali mu Besirekemu.
- 15 Awo Dawudi ne yeegomba n'ayogera nti Singa wabaddewo anannywesa amazzi agava mu luzzi olw'e Besirekemu oluli ku wankaaki!
- 16 N'abasajja abasatu ab'amaanyi ne bawaguza mu ggye ly'Abafirisuuti ne basena amazzi mu luzzi olw'e Besirekemu, olwali ku wankaaki, ne bagatwala ne bagaleetera Dawudi: naye n'atakkiriza kunywako, naye n'agafuka eri Mukama.
- 17 N'ayogera nti Kiddire eri, ai Mukama, nze okukola kino: nnywe omusaayi gw'abasajja abagenze n'obulamu bwabwe? kyeyava agaana okunywako. Ebyo abasajja abasatu ab'amaanyi bye baakola.
- 18 Ne Abisaayi muganda wa Yowaabu mutabani wa Zeruyiya ye yali omukulu w'abasatu abo. N'agalula effumu lye okulwana n'ebikumi bisatu n'abatta n'aba n'erinnya mu abo abasatu:
- 19 Teyali wa kitiibwa okusinga abasatu abo? kyeyava afuuka omukulu waabwe: era naye teyatuuka ku basatu abo ab'olubereberye.
- 20 Ne Benaya mutabani wa Yekoyaada omwana w'omusajja omuzira ow'e Kabuzeeri, eyakola eby'amaanyi, n'atta batabani ba Aliyeri wa Mowaabu bombi: era yaserengeta n'atta empologoma wakati mu bunnya mu biro eby'omuzira:
- 21 era yatta Omumisiri, omusajja omulungi: era Omumisiri yali akutte effumu mu mukono gwe; naye n'aserengeta gy'ali ng'alina omuggo, n'asika effumu n'aliggya mu mukono gw'Omumisiri n'amutta n'effumu lye ye.
- 22 Ebyo Benaya mutabani wa Yekoyaada bye yakola n'aba n'erinnya mu basatu abo ab'amaanyi.
- 23 Yasinga ekitiibwa abo amakumi asatu naye teyatuuka ku basatu abo ab'olubereberye. Dawudi n'amufuula omukulu w'abakuumi.
- 24 Ne Asakeri muganda wa Yowaabu yali wa ku makumi asatu abo: Erukanani mutabani wa Dodo Omubesirekemu;
- 25 Samma Omukalodi; Erika Omukalodi;
- 26 Kerezi Omupaluti, Ira mutabani wa Ikkesi Omutekowa;
- 27 Abiyezeri Omwanasosi, Mebunnayi Omukussai;
- 28 Zalumoni Omwakowa, Makalayi Omunetofa;
- 29 Kerebu mutabani wa Baana Omunetofa, Ittayi mutabani wa Libayi ow'e Gibeya eky'abaana ba Benyamini;
- 30 Benaya Omupirasoni, Kiddayi ow'oku bugga obw'e Geyaasi;
- 31 Abi-aluboni Omwalubasi, Azumavesi Omubalukumi;
- 32 Eriyaba Omusaaluboni, batabani ba Yaseni, Yonasaani;

- 33 Samma Omukalali, Akiyamu mutabani wa Salali Omwalali;
- 34 Erifereti mutabani wa Akasubayi omwana w'omu Maakasi, Eriyamu mutabani wa Akisoferi Omugiro;
- 35 Kezulo Omukalumeeri, Paalayi Omwalubi;
- 36 Igali mutabani wa Nasani ow'e Zoba, Bani Omugaadi;
- 37 Zereki Omwamoni, Nakalayi Omubeerosi, abaatwaliranga ebyokulwanyisa Yowaabu mutabani wa Zeruyiya;
- 38 Ira Omuyisuli, Galebu Omuyisuli;
- 39 Uliya Omukiiti: omuwendo gwa bonna amakumi asatu mu musanvu.

Essuula 24

- 1 Awo obusungu ne bumukwata nate Mukama eri Isiraeri, n'abaweerera Dawudi ng'ayo-gera nti Genda obale Isiraeri ne Yuda.
- 2 Awo kabaka n'agamba Yowaabu omukulu w'eggye eyali naye nti Genda nno oyi-teeyite mu bika bya Isiraeri byonna, okuva e Ddaani okutuuka e Beeruseba, mubale abantu ntegeere omuwendo gw'abantu.
- 3 Yowaabu n'agamba kabaka nti Mukama Katonda wo ayongere nno ku bantu, bwe benkana obungi, emirundi kikumi, n'amaaso ga mukama wange kabaka gakirabe: naye mukama wange kabaka lwaki okusanyukira ekigambo ekyo?
- 4 Naye ekigambo kya kabaka ne kisinga Yowaabu n'abakulu b'eggye. Yowaabu n'abakulu b'eggye ne bava mu maaso ga kabaka okubala abantu ba Isiraeri.
- 5 Ne basomoka Yoludaani ne basiisira mu Aloweri, ku luuyi olwa ddyo olw'ekibuga ekiri mu kiwonvu kya Gaadi n'okutuuka e Yazeri:
- 6 ne balyoka batuuka e Gireyaadi ne mu nsi ey'e Tatimukodusi; ne batuuka e Dani-yaani ne beetooloola okutuuka e Sidoni,
- 7 ne batuuka ku kigo eky'e Ttuulo, ne mu bibuga byonna eby'Abakiivi n'eb'Abakanani: ne bamalira ku bukiika obwa ddyo obwa Yuda e Beeruseba.
- 8 Awo bwe baamala okuyitaayita mu nsi yonna, ne bajja e Yerusalemi emyezi mwenda ko ennaku abiri nga giyiseewo.
- 9 Yowaabu n'awa kabaka omuwendo gw'abantu gwe babaze: era waaliwo mu Isiraeri abasajja abazira obusiriivu munaana abaasowolanga ebitala; n'abasajja ba Yuda baali abasajja obusiriivu butaano.
- 10 Awo omwoyo ne guluma Dawudi bwe yamala okubala abantu. Dawudi n'agamba Mukama nti Nnyonoonye nnyo olw'ekyo kye nkoze: naye kaakano, ai Mukama, nkwegayiridde, ggyawo obutali butuukirivu bw'omuuddu wo; kubanga nkoze eby'obusirusiru bungi nnyo.
- 11 Awo Dawudi bwe yagolokoka enkya, ekigambo kya Mukama ne kijjira nnabbi Gaadi, omulabi wa Dawudi, ng'ayogera nti
- 12 Genda ogambe Dawudi nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Nkuteekeddewo bino bisatu; weerobozeeko ekimu nkukikole.
- 13 Awo Gaadi n'ajja eri Dawudi n'amubuulira n'amugamba nti Emyaka egy'enjala musanvu girikujjira mu nsi yo? Oba oliddukira emyezi esatu mu maaso g'abalabe bo, bo nga bakuyigganya? oba walibaawo ennaku ssatu eza kawumpuli mu nsi yo? teesa nno olowooze bwe mba mmuddamu oyo antumye.
- 14 Awo Dawudi n'agamba Gaadi nti Nsobeddwa nnyo: tugwe nno mu mukono gwa Mukama; kubanga okusaasira kwe kungi: ne ssigwa mu mukono gwa bantu.
- 15 Awo Mukama n'aleeta kawumpuli ku Isiraeri okuva enkya okutuuka mu biro ebya-teekebawo: awo ku bantu ne kufaako abasajja obukumi musanvu okuva e Ddaani okutuuka e Beeruseba.

- 16 Awo malayika bwe yagolola omukono gwe eri Yerusalemi okukizikiriza, Mukama ne yejjusa ekibi, n'agamba malayika eyazikiriza abantu nti Kinaamala; zzaayo kaakano omukono gwo. Era malayika wa Mukama yali ku gguuliro lya Alawuna Omuyebusi.
- 17 Awo Dawudi n'agamba Mukama bwe yalaba malayika eyalwaza abantu n'ayogera nti Laba, nze nnyoonnye, era nze nkoze eby'obubambaavu: naye endiga zino, bakoze ki bo? nkwegayiridde, omukono gwo gulwane nange n'ennyumba ya kitange.
- 18 Awo Gaadi n'ajja eri Dawudi ku lunaku olwo n'amugamba nti Yambuka ozimbire Mukama ekyoto mu gguuliro lya Alawuna Omuyebusi.
- 19 Awo Dawudi n'ayambuka nga Gaadi bwe yayogera nga Mukama bwe yalagira.
- 20 Awo Alawuna n'atunula n'alaba kabaka n'abaddu be nga bajja nga bamusemberera: Alawuna n'afuluma n'avuunama amaaso ge mu maaso ga kabaka.
- 21 Awo Alawuna n'ayogera nti Mukama wange kabaka ajjiridde ki eri omuddu we? Dawudi n'ayogera nti Okugulaana naawe egguuliro; okuzimbira Mukama ekyoto, kawumpuli aziyizibwe mu bantu.
- 22 Alawuna n'agamba Dawudi nti Mukama wange kabaka atwale aweeyo by'anaasiima byonna: laba, ente ez'ekiweebwayo ekyokebwa, n'ebintu ebiwuula n'amatandiiko g'ente okuba enku:
- 23 bino byonna, ai kabaka, Alawuna abiwa kabaka. Alawuna n'agamba kabaka nti Mukama Katonda wo akukkirize.
- 24 Kabaka n'agamba Alawuna nti Nedda; naye n'aligulaana naawe n'ebintu; so siiweeyo ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama Katonda wange ebitanzitidde byange. Awo Dawudi n'agula egguuliro n'ente ne sekeri eza ffeeza ataano.
- 25 Awo Dawudi n'azimbira eyo ekyoto eri Mukama, n'awaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe. Awo Mukama ne yeegayiririrwa ensi, kawumpuli n'azyizibwa mu Isiraeri.

1 Bassekabaka

Essuula 1

- 1 Awo kabaka Dawudi yali mukadde era ng'akootakoota; ne bamubikkako ebyambalo, naye n'atafuna lubugumu.
- 2 Abaddu be kyebaava bamugamba nti Banoonyeze mukama wange kabaka omuwala omuto atamanyi musajja: ayimirenga mu maaso ga kabaka, amuweereze; era agalamirenga mu kifuba kyo, mukama wange kabaka afune olubugumu.
- 3 Awo ne banoonya omuwala omulungi okubuna ensalo zonna eza Isiraeri, ne balaba Abisaagi Omusunammu, ne bamuleetera kabaka.
- 4 Awo omuwala yali mulungi nnyo; n'aweerezanga kabaka n'amujjanjabanga; naye kabaka n'atamumanya.
- 5 Awo Adoniya mutabani wa Kaggisi ne yeegulumiza ng'ayogera nti Nze ndiba kabaka: ne yeetegekera amagaali n'abeebagala embalaasi, n'abasajja ataano okuddukiranga mu maaso ge.
- 6 So kitaawe yali tamunyiizanga n'akatono ng'ayogera nti Kiki ekikukozezza bw'otyo? era yali musajja mulungi nnyo; era ye yaddanga ku Abusaalomu.
- 7 N'ateesa ne Yowaabu mutabani wa Zeruyiya ne Abiyasaali kabona: abo ne bamugoberera; Adoniya ne bamuyamba.
- 8 Naye Zadooki kabona ne Benaya mutabani wa Yekoyaada ne Nasani nnabbi ne Simeeyi ne Leeyi n'abasajja ab'amaanyi aba Dawudi tebaali ne Adoniya.
- 9 Adoniya n'attira endiga n'ente n'ebya ssava awali ejjinja Zokeresi eririraanye e Enerogeri: n'ayita baganda be bonna abaana ba kabaka, n'abasajja ba Yuda bonna abaddu ba kabaka:
- 10 naye Nasani nnabbi ne Benaya n'abasajja ab'amaanyi ne Sulemaani muganda we n'atabayita.
- 11 Awo Nasani n'agamba Basuseba nnyina Sulemaani ng'ayogera nti Towulidde nga Adoniya mutabani wa Kaggisi alidde obwakabaka, Dawudi mukama waffe nga takimanyi?
- 12 Kale nno jjangu, nkwegayiridde, nkuwe amagezi, owonye obulamu bwo ggwe n'obulamu bwa mutabani wo Sulemaani.
- 13 Genda oyingire eri kabaka Dawudi, omugambe nti Mukama wange, ai kabaka, tewalayirira muzaana wo nti Sulemaani mutabani wo talirema kulya obwakabaka oluvannyuma lwange, era ye alituula ku ntebe yange? kale kiki ekimuliisizza obwakabaka Adoniya?
- 14 Awo, laba, bw'onooba ng'okyayogera eyo ne kabaka, nange naayingira oluvannyuma lwo, ne nnyweza ebigambo byo.
- 15 Awo Basuseba n'ayingira eri kabaka mu kisenge: era kabaka yali mukadde nnyo; ne Abisaagi Omusunammu yaweerezanga kabaka.
- 16 Awo Basuseba n'akutama n'avuunamira kabaka. Kabaka n'ayogera nti Oyagala ki?
- 17 N'amugamba nti Mukama wange, walayira Mukama Katonda wo eri omuzaana wo nti Sulemaani mutabani wo ye alirya obwakabaka: oluvannyuma lwange, era ye alituula ku ntebe yange.
- 18 Kale nno, laba, Adoniya yalidde obwakabaka; naawe, mukama wange kabaka, tokimanyi:
- 19 era asse ente n'ebya ssava n'endiga nnyingi, era ayise abaana ba kabaka bonna ne Abiyasaali kabona ne Yowaabu omukulu w'eggye: naye Sulemaani omuddu wo tamuyise.
- 20 Naawe, mukama wange kabaka, amaaso ga Isiraeri yenna gali ku ggwe obabuulire

alituula ku ntebe ya mukama wange kabaka oluvannyuma lwe:

- 21 Bw'otookole bw'otyo, awo olulituuka, mukama wange kabaka bw'alyebakira awamu ne bajajjaabe, nze ne mutabani wange Sulemaani tuliyitibwa aboononyi.
- 22 Kale, laba, bwe yali akyayogera ne kabaka, Nasani nnabbi n'ayingira.
- 23 Ne babuulira kabaka nti Laba, Nasani nnabbi. Awo bwe yayingira mu maaso ga kabaka, n'avuunama amaaso ge mu maaso ga kabaka.
- 24 Nasani n'ayogera nti Mukama wange, ai kabaka, wayogera nti Adoniya ye alirya obwakabaka oluvannyuma lwange, era ye alituula ku ntebe yange?
- 25 Kubanga aserengese leero, era asse ente n'ebya ssava n'endiga nnyingi, era ayise abaana ba kabaka bonna n'abakulu b'eggye ne Abisaayi kabona; era, laba, balya era banywera mu maaso ge, nga boogera nti kabaka Adoniya abeere omulamu.
- 26 Naye nze, nze omuddu wo, ne Zadooki kabona ne Benaya mutabani wa Yekoyaada n'omuddu wo Sulemaani tatuyise.
- 27 Ekigambo ekyo kikoleddwa mukama wange kabaka, n'ototegeeza baddu bo alituula ku ntebe ya mukama wange kabaka oluvannyuma lwe?
- 28 Awo kabaka Dawudi n'addamu n'agamba nti Mpitira Basuseba. N'ajja awali kabaka n'ayimirira mu maaso ga kabaka.
- 29 Kabaka n'alayira n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu eyanunula emmeeme yange okugiggya mu kabi konna,
- 30 mazima nga bwe nnakulayirira Mukama, Katonda wa Isiraeri, nga njogera nti Sulemaani mutabani wo ye alirya obwakabaka oluvannyuma lwange, era ye alituula ku ntebe yange mu kifo kyange; mazima bwe ntyo bwe nnaakola leero.
- 31 Awo Basuseba n'avuunama amaaso ge, ne yeeyanza kabaka, n'ayogera nti Mukama wange kabaka Dawudi abeere omulamu ennaku zonna.
- 32 Kabaka Dawudi n'ayogera nti Mpitira Zadooki kabona ne Nasani nnabbi ne Benaya mutabani wa Yekoyaada. Ne bajja mu maaso ga kabaka.
- 33 Kabaka n'abagamba nti Mutwale wamu nammwe abaddu ba mukama wammwe, mwebagaze Sulemaani mutabani wange ennyumbu yange nze, mumuserengese e Gikoni:
- 34 kale Zadooki kabona ne Nasani nnabbi bamufukireko eyo amafuta okuba kabaka wa Isiraeri: mufuuwe ekkondeere mwogere nti Kabaka Sulemaani abeere omulamu.
- 35 Ne mulyoka mwambuka nga mumugoberera, naye anajja n'atuula ku ntebe yange; kubanga ye anaaba kabaka mu kifo kyange: era mmutaddewo okuba omukulu wa Isirarei ne Yuda.
- 36 Benaya mutabani wa Yekoyaada n'addamu kabaka n'ayogera nti Amiina: Mukama, Katonda wa mukama wange kabaka, ayogere bw'atyo.
- 37 Nga Mukama bwe yabanga ne mukama wange kabaka, era abeerenga ne Sulemaani, afuule entebe ye enkulu okusinga entebe ya mukama wange kabaka Dawudi.
- 38 Awo Zadooki kabona ne Nasani nnabbi ne Benaya mutabani wa Yekoyaada n'Abakeresi n'Abaperesi ne baserengeta ne beebagaza Sulemaani ennyumbu ya kabaka Dawudi, ne bamuleeta e Gikoni.
- 39 Awo Zadooki kabona n'aggya ejjembe ery'amafuta mu Weema, n'afuka amafuta ku Sulemaani. Ne bafuuwa ekkondeere; abantu bonna ne boogera nti Kabaka Sulemaani abeere omulamu.
- 40 Abantu bonna ne bambuka okumugoberera, abantu ne bafuuwa endere, ne basanyuka essanyu lingi, ettaka n'okwatika ne lyatika olw'oluyoogaano lwabwe.
- 41 Adoniya n'abagenyi bonna abaali naye ne baluwulira bwe baali nga bamala okulya. Awo Yowaabu bwe yawulira eddoboosi ly'ekkondeere, n'ayogera nn Eddoboosi lino ekibuga nga kiyooogaana lya ki?
- 42 Bwe yali ng'akyayogera, laba, Yonasaani mutabani wa Abyasaali kabona n'ajja:

Adoniya n'ayogera nti Yingira; kubanga oli musajja mulungi, era oleese ebigambo ebirungi.

- 43 Yonasaani n'addamu n'agamba Adoniya nti Mazima mukama waffe kabaka Dawudi afudde Sulemaani kabaka:
- 44 era kabaka atumye naye Zadooki kabona ne Nasani nnabbi ne Benaya mutabani wa Yekoyaada n'Abakeresi n'Abaperesi, era bamwebagazizza ennyumbu ya kabaka:
- 45 era Zadooki kabona ne Nasani nnabbi bamufukiddeko amafuta e Gikoni: era bambuse okuvaayo nga basanyuka n'okuwuma ekibuga ne kiwuumira ddala. Eryo lye ddo-boozi lye muwulidde.
- 46 Era Sulemaani atudde ku ntebe y'obwakabaka.
- 47 Era nate abaddu ba kabaka bazze okusabira mukama waffe kabaka Dawudi nga boogera nti Katonda wo afuule erinnya lya Sulemaani eddungi okusinga erinnya lyo, era afuule entebe ye enkulu okusinga entebe yo: kabaka n'akutamira ku kitanda kye.
- 48 Era bw'ati kabaka bw'ayogedde nti Yeebazibwe Mukama, Katonda wa Isiraeri, awadde leero ow'okutuula ku ntebe yange, amaaso gange nga gakhiraba n'okulaba.
- 49 Awo abagenyi ba Adoniya bonna ne batya, ne bagolokoka, ne bagenda buli muntu ewuwe.
- 50 Adoniya n'atekemuka olwa Sulemaani; n'agolokoka n'agenda n'akwata ku mayembe g'ekyoto.
- 51 Ne babuulira Sulemaani nti Laba, Adoniya atekemukidde kabaka Sulemaani: kubanga, laba, akutte ku mayembe g'ekyoto, ng'ayogera nti Kabaka Sulemaani andayirire leero nga tajja kutta muddu we n'ekitala.
- 52 Sulemaani n'ayogera nti Bw'alayeraga okuba omusajja omulungi, tewaliba luviri lwe oluligwa wansi: naye obubi bwe bulirabika ku ye, alifa.
- 53 Awo kabaka Sulemaani n'atuma, ne bamuserengesa okuva ku kyoto. N'ajja n'avuunamira kabaka Sulemaani: Sulemaani n'amugamba nti Genda ewuwo.

Essuula 2

- 1 Awo ennaku za Dawudi ne ziba nga zinaatera okutuuka afe; n'akuutira Sulemaani mutabani we ng'ayogera nti
- 2 Nze enda bonna ab'omu nsi gye bagenda: kale beera n'amaanyi weerage obusajja;
- 3 era okwatanga Mukama Katonda wo bye yakukuutira, okutambuliranga mu makuboge; okukwatanga amateeka ge, n'ebiragiyo bye, n'ebyo bye yategeeza, ng'ebyo bwe biri ebyawandiiltibwa mu mateeka ga Musa, olyoke olabenga omukisa mu byonna by'okola, na buli gy'onookyukiranga:
- 4 Mukama anyweze ekigambo kye kye yayogera ku nze nti Abaana bo bwe baneengenderezanga ekkubo lyabwe, okutambuliranga mu maaso gange mu mazima n'omutima gwabwe gwonna n'emmeeme yaabwe yonna, tewaakubulenga (bw'atyo bwe yayogera) omusajja ku ntebe ya Isiraeri.
- 5 Nate omanyi n'ekyo Yowaabu mutabani wa Zeruyiya kye yankola, kye yakola abakulu ababiri ab'eggye lya Isiraeri, Abuneeri mutabani wa Neeri ne Amasa mutabani wa Yeseri, be yatta n'ayiwa omusaayi ogw'omu ntalo mu mirembe, n'asiiga omusaayi ogw'omu ntalo ku lukoba lwe lwe yali yeesibye mu kiwato ne mu ngatto ze ezaali mu bigere bye.
- 6 Kale mukole ng'amagezi go bwe gali, so toganyanga mutwe gwe oguliko envi kukka emagombe mirembe.
- 7 Naye okolanga bulungi batabani ba Baluzirayi Omugireyaadi, era babenga ku abo abanaalyanga ku mmeeza yo: kubanga bajja gye ndi bwe batyo bwe nnadduka Abusaalomu muganda wo.

- 8 Era, laba, waliwo naawe Simeeyi mutabani wa Gera Omubenyamini ow'e Bakulimu, eyankolimira ekikolimo ekizibu ku lunaku kwe nnagendera e Makanayimu: naye n'aserengeta okunsisinkana ku Yoludaani ne mmulayirira Mukama nga njogera nti Sijja kukutta na kitala.
- 9 Kale nno tomuyitanga ataliiko musango, kubanga oli musajja wa magezi; era olimanya ebikugwanira okumukola, n'omutwe gwe oguliko envi oligussa emagombe n'omusaayi.
- 10 Awo Dawudi ne yeebakira wamu ne bajajjaabe, ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi.
- 11 N'ennaku Dawudi ze yafugira Isiraeri zaali emyaka amakumi ana: yafugira emyaka musanvu e Kebbulooni, n'afugira emyaka amakumi asatu mu esatu e Yerusaalemi.
- 12 Awo Sulemaani n'atuula ku ntebe ya Dawudi kitaawe; obwakabaka bwe ne bunywezebwa nnyo.
- 13 Awo Adoniya mutabani wa Kaggisi n'ajja eri Basuseba nnyina Sulemaani. N'ayogera nti Ojja mirembe? N'ayogera nti Mirembe.
- 14 Nate n'ayogera nti Ndiko kye njagala okukubuulira: N'ayogera nti Mbuulira.
- 15 N'ayogera nti Omanyi ng'obwakabaka bwali bwange, Isiraeri yenna ne bakaliriza amaaso gaabwe ku nze nze mbulye: naye obwakabaka bukyuse ne bufuuka bwa muganda wange: kubanga bwali bubwe okuva eri Mukama.
- 16 Kale nno nkusaba ekigambo kimu, tonnyima. N'amugamba nti Yogera.
- 17 N'ayogera nti Nkwegayiridde; gamba Sulemaani kabaka, (kubanga taakumme,) ampe Abisaagi Omusunammu mmufumbirwe.
- 18 Awo Basuseba n'ayogera nti Kale; naakwogererayo eri kabaka.
- 19 Basuseba kyeyava agenda eri kabaka Sulemaani, okwogererayo Adoniya. Kabaka n'agolokoka okumusisinkana, n'amuvuunamira, n'atuula ku ntebe ye, n'ateesesaawo nnyina entebe; n'atuula ku mukono gwe ogwa ddyo.
- 20 Awo n'ayogera nti Nkusaba ekigambo kimu ekitono; tonnyima. Kabaka n'amugamba nti Saba, mmange; kubanga siikumme.
- 21 N'ayogera nti Abisaagi Omusunammu aweebwe Adoniya muganda wo okumufumbirwa.
- 22 Kabaka Sulemaani n'addamu n'agamba nnyina nti Era kiki ekikusabya Abisaagi Omusunammu olwa Adoniya? musabire n'obwakabaka; kubanga ye muganda wange omukulu; sabira ye ne Abiyasaali kabona ne Yowaabu mutabani wa Zeruyiya.
- 23 Awo kabaka Sulemaani n'alayira Mukama nti Katonda ankole bw'atyo n'okukirawo, oba nga Adoniya tayogedde kigambo ekyo kya kumussa.
- 24 Kale nno nga Mukama bw'ali omulamu, annywezezza n'antuuzza ku ntebe ya Dawudi kitange, era ampadde ennyumba, nga bwe yasubiza, mazima Adoniya anattibwa leero.
- 25 Awo kabaka Sulemaani n'atuma mu mukono gwa Benaya mutabani wa Yekoyaada; n'amugwako n'okufa n'afa.
- 26 Kabaka n'agamba Abiyasaali kabona nti Genda e Anasosi mu byalo byo ggwe; kubanga osaanidde okufa: naye siikutte mu biro bino, kubanga wasitulanga essanduuko ya Mukama Katonda mu maaso ga Dawudi kitange, era kubanga wabonyaabonyezebwa mu byonna ebyabonyabonya kitange.
- 27 Awo Sulemaani n'agoba Abiyasaali obutaba kabona eri Mukama; atuukirize ekigambo kya Mukama, kye yayogera ku nnyumba ya Eri mu Siiro.
- 28 Ebigambo ebyo ne bituuka eri Yowaabu: kubanga Yowaabu yali akyuse okugoberera Adoniya, newakubadde nga teyagoberera Abusaalomu. Yowaabu n'addukira mu Weema ya Mukama, n'akwata ku mayembe g'ekyoto.
- 29 Ne babuulira kabaka Sulemaani nti Yowaabu addukidde mu Weema ya Mukama, era

laba, ali ku kyoto. Awo Sulemaani n'atuma Benaya mutabani wa Yekoyaada ng'ayogera nti Genda omugweko.

- 30 Benaya n'atuuka ku Weema ya Mukama, n'amugamba nti Kabaka bw'ayogera bw'ati nti Fuluma. N'ayogera nti Nedda; naye naafiira wano. Benaya n'addiza kabaka ebigambo ng'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogedde Yowaabu, era bw'anzizeemu bw'atyo.
- 31 Awo kabaka n'amugamba nti Kola nga bw'ayogedde, omugweko omuziike; oggyewo omusaayi, Yowaabu gwe yayiwa awatali nsonga, ku nze ne ku nnyumba ya kitange.
- 32 Era Mukama alizza omusaayi gwe ku mutwe gwe ye, kubanga yagwa ku basajja babiri abaamusinga obutuukirivu n'obulungi, n'abatta n'ekitala, kitange Dawudi n'atiki-manyanya, Abuneeri mutabani wa Neeri, omukulu w'eggye lya Isiraeri, ne Amasa mutabani wa Yeseri, omukulu w'eggye lya Yuda.
- 33 Bwe gutyo omusaayi gwabwe gulidda ku mutwe gwa Yowaabu ne ku mutwe gw'ezzadde lye ennaku zonna: naye eri Dawudi n'eri ezzadde lye n'eri ennyumba ye n'eri entebe ye, eribaayo emirembe ennaku zonna okuva eri Mukama.
- 34 Awo Benaya mutabani wa Yekoyaada n'ayambuka n'amugwako n'amutta; ne bamuzi-ika mu nnyumba ye ye mu ddungu.
- 35 Awo kabaka n'assaawo Benaya mutabani wa Yekoyaada okuba omukulu w'eggye mu kifo kye: kabaka n'assaawo Zadooiki kabona mu kifo kya Abiyasaali.
- 36 Kabaka n'atuma n'ayita Simeeyi n'amugamba nti Weezimbire ennyumba mu Yerusaalemi, obeere omwo, so tovangayo okugenda yonna yonna.
- 37 Kubanga ku lunaku kw'oliviirayo n'osomoka akagga Kiduloni, tegeerera ddala nga tolirema kufa: omusaayi gwo guliba ku mutwe gwo ggwe.
- 38 Simeeyi n'agamba kabaka nti Ekigambo ekyo kirungi: nga mukama wange kabaka bw'ayogedde, bw'atyo omuddu wo bw'alikola. Simeeyi n'amala ennaku nnyingi mu Yerusaalemi.
- 39 Awo olwatuuka emyaka esatu bwe gyaggwaako, abaddu ababiri aba Simeeyi ne bad-duka ne bajja eri Akisi mutabani wa Maaka kabaka w'e Gaasi. Ne babuulira Simeeyi nti Laba, abaddu bo bali e Gaasi.
- 40 Simeeyi n'agolokoka n'ateeka amatandiiko ku ndogoyi ye n'agenda e Gaasi eri Akisi okunoonya abaddu be: Simeeyi n'agenda n'akima abaddu be e Gaasi.
- 41 Ne babuulira Sulemaani nga Simeeyi yagenda e Gaasi okuva e Yerusaalemi era ng'akomyewo.
- 42 Kabaka n'atuma n'ayita Simeeyi n'amugamba nti Saakulayiza Mukama ne nkutegeereza ddala nga njogera nti Tegeerera ddala nga ku lunaku kw'oliviirayo n'otambula okugenda yonna yonna, tolirema kufa? n'oamba nti Ekigambo kye mpulidde kirungi.
- 43 Kale kiki ekikulobedde okwekuuma ekirayiro kya Mukama n'ekiragiro kye nnakula-gira?
- 44 Era kabaka n'agamba Simeeyi nti Omanyi obubi bwonna omutima gwo bwe gutegeera, bwe wakola Dawudi kitange: Mukama kyaliva azza obubi bwo ku mutwe gwo ggwe.
- 45 Naye kabaka Sulemaani aliweebwa omukisa, n'entebe ya Dawudi erinywezebwa mu maaso ga Mukama ennaku zonna.
- 46 Awo kabaka n'alagira Benaya mutabani wa Yekoyaada; n'afuluma n'amugwako n'okufa n'afa. Obwakabaka ne bunywezebwa mu mukono gwa Sulemaani.

Essuula 3

- 1 Awo Sulemaani n'abeera mukoddomi wa Falaawo kabaka w'e Misiri, n'atwala

muwala wa Falaawo, n'amuleeta mu kibuga kya Dawudi, okutuusa lwe yamala okuzimba ennyumba ye ye, n'ennyumba ya Mukama, ne bbugwe wa Yerusaalemi enjuyi zonna.

- 2 Kyokka abantu ne baweerangayo ssaddaaka mu bifo ebigulumivu, kubanga tewaali nnyumba eyazimbirwa erinnya lya Mukama okutuusa ku biro ebyo.
- 3 Sulemaani n'ayagala Mukama, ng'atambulira mu mateeka ga Dawudi kitaawe: kyokka yaweerangayo ssaddaaka era yayokeranga obubaane ku bifo ebigulumivu.
- 4 Awo kabaka n'agenda e Gibyoni okuweerayo ssaddaaka; kubanga ekyo kye kyali ekifo ekigulumivu ekikulu: Sulemaani n'aweerayo ku kyoto ekyo ssaddaaka ezookebwa lukumi.
- 5 Mukama n'alabikira Sulemaani e Gibyoni mu kirooto ekiro: Katonda n'ayogera nti Saba kye mba nkuwa.
- 6 Sulemaani n'ayogera nti Wamukola bulungi nnyo omuddu wo Dawudi kitange, nga bwe yatambula mu maaso go mu mazima ne mu butuukirivu ne mu bugolokofu bw'omutima wamu naawe; era wamuterekera ekisa kino ekinene kubanga omuwadde omwana ow'okutuula ku ntebe ye, nga bwe kiri leero.
- 7 Era nno, ai Mukama Katonda wange, ofudde omuddu wo kabaka mu kifo kya Dawudi kitange: nange ndi mwana muto: simanyi kufulumu newakubadde okuyingira.
- 8 Era omuddu wo ali wakati mu bantu bo be walonda, eggwanga eddene, eritayinzika kubalibwa newakubadde okugattibwa obungi.
- 9 Kale muwe omuddu wo omutima omutegeevu okusalanga emisango gy'abantu bo, njawulemu ebirungi n'ebibi: kubanga ani ayinza okusala emisango gy'eggwanga lyo lino ekkulu?
- 10 Awo ebigambo ebyo ne bisanyusa Mukama, kubanga Sulemaani asabye ekyo.
- 11 Katonda n'amugamba nti Kubanga osabye kino, so teweessabidde kuwangaala; so teweessabidde bugagga, so teweessabidde bulamu bwa balabe bo: naye weessabidde obutegeevu okwawulamu emisango:
- 12 laba, nkoze ng'ekigambo kyo bwe kiri: laba, nkuwadde omutima omugezigezi era omutegeevu; obutabangawo akwenkana okusooka ggwe, so n'oluvannyuma lwo teweligolokoka akwenkana.
- 13 Era nkuwadde n'ebyo by'otosabye, obugagga n'ekitiibwa, obutabangawo mu bakabaka n'omu akwenkana ennaku zo zonna.
- 14 Era bw'onootambuliranga mu makubo gange, okukwatanga amateeka gange n'ebiragi byange, nga kitaawo Dawudi bwe yatambula, awo ndyongera ku nnaku zo.
- 15 Awo Sulemaani n'azuukuka, era, laba, kyali kirooto: n'ajja e Yerusaalemi n'ayimirira mu maaso g'essanduuko ey'endagaano ya Mukama, n'awaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'awaayo ebiweebwayo olw'emirembe, n'afumbira abaddu be bonna embaga.
- 16 Awo ne wajja eri kabaka abakazi babiri, abaali abenzi, ne bayimirira mu maaso ge.
- 17 Omukazi omu n'ayogera nti Ai mukama wange, nze n'omukazi ono tusula mu nnyumba emu; nazaala omwana nga ndi wamu naye mu nnyumba.
- 18 Awo olwatuuka nga naakamaze ennaku ssatu okuzaala, omukazi ono n'azaala naye; era twali wamu; tewaali mugenyi wamu naffe mu nnyumba, wabula ffe fembi mu nnyumba.
- 19 Awo omwana w'omukazi ono n'afa ekiro; kubanga yamwebakira.
- 20 N'agolokoka mu ttumbi n'aggya omwana wange mu mbiriizi zange, omuzaana wo nga yeebase, n'amuteeka mu kifuba kye, n'ateeka omwana we afudde mu kifuba kyange.
- 21 Awo bwe nnagolokoka enkya okuyonsa omwana wange, laba, ng'afudde: naye bwe nnakifumiitiriza enkya, laba, nga si ye mwana wange gwe nnazaala.
- 22 Omukazi omulala n'ayogera nti Nedda; naye omulamu ye mwana wange, n'omufu ye

mwana wo. N'ono n'ayogera nti Nedda; naye omufu ye mwana wo, n'omulamu ye mwana wange. Bwe batyo bwe baayogera mu maaso ga kabaka.

- 23 Awo kabaka n'ayogera nti Omu ayogera nti Ono omulamu ye mwana wange, n'omufu ye mwana wo: munne n'ayogera nti Nedda: naye omufu ye mwana wo, n'omulamu ye mwana wange.
- 24 Awo kabaka n'ayogera nti Mundeetere ekitala. Ne baleeta ekitala mu maaso ga kabaka.
- 25 Kabaka n'ayogera nti Musaleemu omwana omulamu, muwe omu kitundu ne munne kitundu.
- 26 Awo nnyina w'omwana omulamu n'alyoka agamba kabaka, kubanga omwoyo gwe gwalumirwa omwana we, n'ayogera nti Ai mukama wange, muwe ye omwana mulamu, so tomutta n'akamu. Naye ye omulala n'ayogera nti Taliba wange newakubadde owuwo; mumusalemu.
- 27 Awo kabaka n'addamu n'ayogera nti Mumuwe ye omwana omulamu, so temumutta n'akamu: oyo ye nnyina.
- 28 Isiaeri yenna n'awulira omusango kabaka gw'asaze; ne batya kabaka: kubanga baalaba ng'amagezi ga Katonda gali mu ye, okusalanga emisango.

Essuula 4

- 1 Awo kabaka Sulemaani n'aba kabaka wa Isiraeri yenna.
- 2 Era bano be bakulu be yalina; Azaliya nutabani wa Zadooki, kabona;
- 3 Erikolefu ne Akiya, batabani ba Sisa, abawandiisi; Yekosafaati mutabani wa Akirudi, omujjukiza;
- 4 ne Benaya mutabani wa Yekoyaada ye yali omukulu w'eggye; ne Zadooki ne Abiyasaali be baali bakabona;
- 5 ne Azaliya mutabani wa Nasani ye yali omukulu w'abaami; ne Zabudi mutabani wa Nasani ye yali abona, mukwano gwa kabaka;
- 6 ne Akisaali ye yali saabakaaki; ne Adoniraamu mutabani wa Abuda ye yali omusolooza.
- 7 Era Sulenaani yalina abaami kkumi na babiri abaakulira Isiraeri yenna, abaalabiranga kabaka n'ab'omu nnyumba ye ebyokulya: buli muntu kyamugwanira okusolooze omwezi gumu buli mwaka.
- 8 Ne gano ge mannya gaabwe: Benikuli, mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu;
- 9 Benidekeri, mu Makazi, ne mu Saalubinu ne mu Besusemesi ne mu Eronubesukanani;
- 10 Benikesedi, mu Alubosi; Soko kyali kikye, n'ensi onna ey'e Kefera;
- 11 Beniyabiyadabu, mu kifo kyonna ekigulunivu eky'e Doli; ye yafumbirwa Tafasi muwala wa Sulemaani;
- 12 Baana mutabani wa Akirudi, mu Taanaki ne Megiddo, n'e Besuseyani ekiri ku mabali g'e Zalesani, wansi w'e Yezuleeri, okuva ku Besuseyani okutuuka ku Aberumekola, okuyita ku Yokumeyamu;
- 13 Benigeberi, mu Lamosugireyaadi; ebibuga bya Yayiri mutabani wa Manase ebiri mu Gireyaadi byali bibye; essaza Alugobu eriri mu Basani lyali lirye, ebibuga ebinene nkaaga ebyalina bbugwe n'ebisiba eby'ebikomo;
- 14 Akinadaabu mutabani wa Iddo, mu Makanayimu;
- 15 Akimaazi, mu Nafutaali; naye yafumbirwa Basemasi muwala wa Sulemaani;
- 16 Baana mutabani wa Kusaayi, mu Aseri ne mu Beyaloosi;
- 17 Yekosafaati mutabani wa Paluwa, mu Isakaali;
- 18 Simeeyi mutabani wa Era, mu Benyamini;
- 19 Geberi mutabani wa Uli, mu nsi ya Gireyaadi, ensi ya Sikoni kabaka w'Abamoli ne

- Ogi kabaka w'e Basani; naye yali omwami yekka eyali mu nsi.
- 20 Yuda ne Isiraeri baali bangi, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja obungi, nga balya era nga banywa era nga basanyuka.
 - 21 Awo Sulemaani n'afuga obwakabaka bwonna okuva ku Mugga okutuuka ku nsi ey'Abafirisuuti, n'okutuuka ku nsalo ey'e Misiri: baaleetanga ebirabo, ne baweereza Sulemaani ennaku zonna ez'obulamu bwe.
 - 22 Awo eby'oku lunaku olumu bye baasoloolezanga Sulemaani byali ebigerero eby'obutta obulungi amakumi asatu, n'ebigerero eby'obutta nkaaga;
 - 23 ente eza ssava kkumi, n'ente ezaava mu ddundiro amakumi abiri, n'endiga kikumi, obutassaako njaza na mpeewo na nnangaazi na nkoko ze baasavuwazanga.
 - 24 Kubanga yafuganga ensi yonna eri emitala w'eno w'Omugga, okuva e Tifusa okutuuka e Gaaza, ng'afuga bakabaka bonna abaali emitala w'eno w'Omugga: era yalina emirembe enjuyi zonna okumwetooloola.
 - 25 Yuda ne Isiraeri yenna ne batuula mirembe, buli muntu wansi w'omuzabbibu gwe n'omutiini gwe, okuva e Ddaani okutuuka e Beeruseba, emirembe gyonna egya Sulemaani.
 - 26 Era Sulemaani yalina ebisibo by'embalaasi obukumi buna olw'amagaali ge; n'abasajja abeebagala embalaasi kakumi mu enkumi bbiri.
 - 27 Abaami abo ne balabiranga kabaka Sulemaani n'abo bonna abajja ku mmeeza ya kabaka Sulemaani ebyokulya, buli muntu mu mwezi gwe: tebaaganyanga kintu kyonna kubulawo.
 - 28 Era baaleetanga ne sayiri n'essubi olw'embalaasi n'ensolo ez'embiro mu kifo abaami gye bali, buli muntu ng'omulimu bwe gwali gwe yalagirwa.
 - 29 Katonda n'awa Sulemaani amagezi n'okutegeera kungi nnyo, n'omwoyo omukulu, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja.
 - 30 Amagezi ga Sulemaani ne gakira amagezi gonna ag'abaana b'ebuvanjuba, n'amagezi gonna ag'e Misiri.
 - 31 Kubanga yakira abantu bonna amagezi; yakira Esani Omwezulaki ne Kemani ne Kalukoli ne Daluda, batabani ba Makoli: erinnya lye ne lyatiikirira mu mawanga gonna ageetoolodde.
 - 32 N'ayogera engero enkumi ssatu: n'ennyimba ze zaali lukumi mu ttaano.
 - 33 N'ayogera ku miti, okuva ku muvule oguli ku Lebanooni okutuuka ku ezobu amera ku bbugwe: yayogera ne ku nsolo n'ennyonyi n'ebyewalula n'ebyenyanja.
 - 34 Awo ne wajja ku mawanga gonna okuwulira amagezi ga Sulemaani, nga bava eri bakabaka bonna ab'ensi, abaali bawulidde ku magezi ge.

Essuula 5

- 1 Awo Kiramu kabaka w'e Tuulo n'atuma abaddu be eri Sulemaani; kubanga yawulira nga bamufuseeko amafuta okuba kabaka mu kifo kya kitaawe: kubanga Kiramu obw'edda yayagalanga Dawudi.
- 2 Sulemaani n'atumira Kiramu ng'ayogera nti
- 3 Omanyi Dawudi kitange nga teyayinza kuzimbira linnya lya Mukama Katonda we ennyumba olw'entalo ezaamwetooloola enjuyi zonna, okutuusa Mukama lwe yabateeka wansi w'ebigere bye.
- 4 Naye kaakano Mukama Katonda wange ampadde emirembe enjuyi zonna; tewali mulabe newakubadde akabi akajja.
- 5 Era, laba, nteesezza okuzimbira erinnya lya Mukama Katonda wange ennyumba, nga Mukama bwe yagamba Dawudi kitange nti Mutabani wo gwe nditeeka ku ntebe yo ng'adda mu bigere byo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba.

- 6 Kale nno lagira bantemere emivule ku Lebanooni; n'abaddu bange banaabanga wamu n'abaddu bo era ndikuwa empeera olw'abaddu bo nga byonna bwe biriba by'oligamba: kubanga omanyi nga ku ffe tekuli n'omu alina amagezi okutema emiti okwenkana ab'e Sidoni.
- 7 Awo olwatuuka Kiramu bwe yawulira ebigambo bya Sulemaani, n'asanyuka nnyo n'ayogera nti Mukama yeebazibwe leero awadde Dawudi omwana ow'amagezi okufuga eggwanga lino ekkulu.
- 8 Awo Kiramu n'atumira Sulemaani ng'ayogera nti Mpulidde by'ontumidde: naakolanga byonna by'oyagala eby'emiti egy'emivule n'emiti egy'emiberosi.
- 9 Abaddu bange baligiggya ku Lebanooni ne bagiserengesa ku nnyanja: era ndigisengeka okuba ebitindiro okuyita ku nnyanja okugenda mu kifo ky'olindaga, era ndiragira okugisumululira eyo, naawe oligiweebwa: era olikola kye njagala bw'onoowanga emmere ey'ab'omu nnyumba yange.
- 10 Awo Kiramu n'awa Sulemaani emiti egy'emivule n'emiti egy'emiberosi nga byonna bwe byali bye yayagala.
- 11 Sulemaani n'awa Kiramu ebigeri by'eaano obukumi bubiri okuba emmere ey'ab'omu nnyumba ye, n'amafuta amalongoofu ebigeri amakumi abiri: bw'atyo Sulemaani bwe yawanga Kiramu buli mwaka.
- 12 Mukama n'awa Sulemaani amagezi, nga bwe yamusuubiza; ne waba emirembe eri Kiramu ne Sulemaani; ne balagaana endagaano bombi.
- 13 Awo kabaka Sulemaani n'asolooza abantu mu Isiraeri yenna; abaasoloozebwa ne baba abasajja obukumi busatu.
- 14 N'abasindikanga e Lebanooni, buli mwezi kakumi mu mpalo: baamalanga omwezi ku Lebanooni, n'emyezi ebiri ewaabwe: era Adoniraamu ye yali omugabe w'abo abaa-soloozebwa.
- 15 Era Sulemaani yalina obukumi musanvu abaasitulanga emigugu, n'obukumi munaana abaatemeranga ku nsozi;
- 16 obutassaako baami ba Sulemaani abakulu abaalabirira omulimu, enkumi ssatu mu ebikumi bisatu, abaafuga abantu abakola omulimu.
- 17 Kabaka n'alagira ne batema ne baggyayo amayinja amanene, amayinja ag'omuwendo omungi, okussaawo emisingi gy'ennyumba n'amayinja amabajje.
- 18 Abazimbi ba Sulemaani n'abazimbi ba Kiramu n'Abagebali ne bagalongoosa, ne bategeka emiti n'amayinja okuzimba ennyumba.

Essuula 6

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ebina mu kinaana abaana ba Isiraeri nga bamaze okuva mu nsi y'e Misiri, mu mwaka ogw'okuna Sulemaani kasookedde afuga Isiraeri, mu mwezi Zivu gwe mwezi ogw'okubiri, n'atanula okuzimba ennyumba ya Mukama.
- 2 N'ennyumba kabaka Sulemaani gye yazimbira Mukama, obuwanvu bwayo bwali emikono nkaaga, n'obugazi bwayo emikono amakumi abiri, n'obugulumivu bwayo emikono amakumi asatu.
- 3 N'ekisasi ekiri mu maaso ga yeekaalu y'ennyumba, obuwanvu bwakyo bwali emikono amakumi abiri, ng'obugazi bw'ennyumba bwe bwali: obugazi bwakyo mu maaso g'ennyumba bwali emikono kkumi.
- 4 N'akola mu nnyumba amadirisa ag'omulimu omuluke obutabikkulwa.
- 5 Ne ku kisenge ky'ennyumba n'azimbako enju okwetooloola, ku bisenge by'ennyumba okwetooloola, ebya yeekaalu era n'eby'awayimibwa okwogera; n'akolawo ebisenge eby'oku bbali okwetooloola:
- 6 enju eya wansi obugazi bwayo emikono etaano, n'eya wakati obugazi bwayo emikono

mukaaga, n'ey'okusatu obugazi bwayo emikono musanvu: kubanga ku kisenge ky'ennyumba ebweru okwetooloola yasalako emiti gireme okukwata mu kisenge ky'ennyumba.

- 7 N'ennyumba bwe baali bagizimba yazimbibwa n'amayinja agalongoosezwa gye bagabajjira: so tewaali nnyondo newakubadde embazzi newakubadde ekintu kyonna eky'ekyuma ekyawulirwa mu nnyumba bwe baali bagizimba.
- 8 Oluggi olw'ebisenge eby'oku bbali ebya wakati lwali ku luuyi olwa ddyo olw'ennyumba: ne balinnyiranga ku madaala ageenyoolanyoola okugenda mu bisenge ebya wakati, ne bava mu bya wakati ne bagenda mu by'okusatu.
- 9 Bw'atyo bwe yazimba ennyumba, n'agimala; ennyumba n'agibikkako emiti n'embaawo ez'emivule.
- 10 Ennyumba yonna n'agizimbako enju, buli nju obugulumivu bwayo emikono etaano: ne zeesigama ku nnyumba n'emiti gy'emivule.
- 11 Ekigambo kya Mukama ne kijjira Sulemaani nga kyogera nti
- 12 Eby'ennyumba eno gy'ozimba, bw'onootambuliranga mu mateeka gange n'otuukiriza emisango gyange, n'okwata ebiragi byange byonna okubitambulirangamu: kale naanywezanga ekigambo kyange naawe, kye nnagamba Dawudi kitaawo
- 13 Era naabeeranga mu baana ba Isiraeri, so siirekenga bantu bange Isiraeri.
- 14 Awo Sulemaani n'azimba ennyumba n'agimala.
- 15 N'azimba ebisenge by'ennyumba munda n'emiti gy'emivule; okuva wansi w'ennyumba okutuuka ku bisenge eby'omu kasolya, n'abibikkako munda emiti: ne wansi w'ennyumba n'ayaliirawo embaawo ez'emiberosi.
- 16 N'azimba emikono abiri mu njuyi ez'ennyumba ez'ennyuma n'embaawo ez'emivule okuva wansi okutuuka ku bisenge: yazimba mu yo munda okuba awayimibwa okwogera okuba awatukuvu ennyo.
- 17 N'ennyumba ya yeekaalu eri mu maaso g'awayimibwa okwogera, obuwanvu bwayo bwali mikono amakumi ana.
- 18 Ne ku nnyumba munda kwaliko emivule egyayolebwako entaabwa n'ebimuli ebyanjulukuse: byonna byali bya mivule: tewaali jinja eryalabika.
- 19 N'ategeka awayimibwa okwogera wakati mu nnyumba munda, okuteekamu essanduuko ey'endagaano ya Mukama.
- 20 Ne munda w'awayimibwa okwogera mwalimu ebbanga ery'emikono amakumi abiri obuwanvu, n'emikono amakumi abiri obugazi, n'emikono amakumi abiri obugulumivu bwalyo: n'abikkako zaabu ennongoofu: ekyoto n'akibikkako emivule.
- 21 Awo Sulemaani n'abikka ku nnyumba munda ezaabu ennongoofu: n'atimba emikuufu egya zaabu mu maaso g'awayimibwa okwogera: n'abikkako zaabu.
- 22 Ennyumba yonna n'agibikkako ezaabu, okutuusa ennyumba yonna lwe yaggwa: era n'ekyoto kyonna eky'awayimibwa okwogera n'akibikkako ezaabu.
- 23 Era awayimibwa okwogera n'akolawo bakerubi babiri ab'emiti egy'emizeyituuni, buli kerubi obuwanvu bwe emikono kkumi.
- 24 N'ekiwawaatiro ekimu ekya kerubi kyali emikono etaano, n'ekiwawaatiro eky'okubiri ekya kerubi emikono etaano: ekiwawaatiro ekimu we kikoma, ne kinnaakyo we kikoma, ebbanga lyali emikono kkumi.
- 25 Ne kerubi ow'okubiri yali emikono kkumi: bakerubi bombi ekigero kyabwe kimu n'embala yaabwe emu.
- 26 Kerubi omu obugulumivu bwe bwali emikono kkumi, n'obwa kerubi ow'okubiri bwe butyo.
- 27 N'ateeka bakerubi mu nnyumba ey'omunda: n'ebiwawaatiro bya bakerubi byali bibambiddwa bwe bityo ekiwawaatiro ky'omu n'okukwata ne kikwata ku kisenge eruuyi, n'ekiwawaatiro kya kerubi ow'okubiri ne kikwata ku kisenge eruuyi;

- n'ebiwawaatiro byabwe ne bikwataganira wakati w'ennyumba.
- 28 Bakerubi n'ababikkako zaabu.
 - 29 N'ayola ku bisenge byonna eby'ennyumba okwetooloola enjola eza bakerubi n'enkindu n'ebimuli ebyanjulukuse, munda n'ebweru.
 - 30 Ne wansi w'ennyumba n'abikkako zaabu, munda n'ebweru.
 - 31 N'awayingirirwa awayimibwa okwogera n'akolawo enzigi ez'emiti egy'emizeyituuni; akabuno n'emifuubeeto byali kitundu kya kutaano kya kisenge.
 - 32 Awo n'akola enzigi bbiri ez'emiti egy'emizeyituuni; n'azoolako enjola bakerubi n'enkindu n'ebimuli ebyanjulukuse, n'azibikkako zaabu; n'ayaliira zaabu ku bakerubi ne ku nkindu.
 - 33 Era bw'atyo n'akolera omuzigo ogwa wankaaki wa yeekaalu emifuubeeto gya mizeyituuni, ku kitundu ky'ekisenge eky'okuna;
 - 34 n'enzigi bbiri za miberosi; embaawo zombi ez'oluggi olumu nga zikyuka, n'embaawo zombi ez'oluggi olw'okubiri nga zikyuka.
 - 35 N'ayolako bakerubi n'enkindu n'ebimuli ebyanjulukuse: n'abibikkako zaabu eyanyigirizibwa ku mulimu ogw'enjola.
 - 36 N'azimba oluggya olw'omunda n'embu ssatu ez'amayinja amabajje, n'olubu olw'emiti egy'emivule.
 - 37 Ne bassaawo emisingi gy'ennyumba ya Mukama mu mwaka ogw'okuna, mu mwezi Zivu.
 - 38 Ne mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu, mu mwezi Buli, gwe mwezi ogw'omunaana, ne bamala ennyumba mu bitundu byayo byonna, era ng'embala yaayo yonna bwe yali. Bw'atyo yamala emyaka musanvu okugizimba.

Essuula 7

- 1 Sulemaani n'amala emyaka kkumi n'esatu ng'azimba ennyumba ye ye, n'amala ennyumba ye yonna.
- 2 Kubanga yazimba ennyumba ey'ekibira kya Lebanooni: obuwanvu bwayo bwali emikono kikumi, n'obugazi bwayo emikono amakumi ataano, n'obugulumivu bwayo emikono amakumi asatu, ku mbu nnya ez'empagi ez'emivule, emiti egy'emivule nga ziri ku mpagi.
- 3 N'ebikkibwako waggulu emivule ku mikiikiro ana mu etaano egyali ku mpagi; buli lubu kkumi na ttaano.
- 4 Era waliwo embu ssatu ezitunuulirwamu, n'eddirisa nga lyolekera ddirisa linnaalyo mu nnyiriri ssatu.
- 5 Era emizigo gyonna n'emifuubeeto nga gyenkanankana okutunuulirwamu: n'eddirisa lyayolekera ddirisa linnaalyo mu nnyiriri ssatu.
- 6 N'akola ekisasi n'empagi: obuwanvu bwakyo bwali emikono amakumi ataano, n'obugazi bwakyo emikono amakumi asatu; ne mu maaso gaazo kisasi: ne mu maaso gaazo mpagi na miti minene.
- 7 N'akola ekisasi ky'entebe w'abanga ayima okusalanga emisango, kye kisasi eky'emisango: era kyabikkibwako emivule okuva wansi okutuuka ku buziizi.
- 8 N'ennyumba ye gye yabeerangamu, oluggya olulala munda w'ekisasi, yali ya mulimu gumu na guli. Era n'akolera muwala wa Falaawo ennyumba, (Sulemaani gwe yali afumbiddwa,) okufaanana ng'ekisasi ekyo.
- 9 Ezo zonna zaali za mayinja ga muwendo mungi, ga mayinja mabajje, nga bwe gagerebwa agasalibwa n'emisumeeno, munda n'ebweru, okuva ku musingi okutuuka ku mayinja aga waggulu, era bwe gatyo n'ebweru okutuuka ku luggya olukulu.
- 10 N'omusingi gwali gwa mayinja ga muwendo mungi, amayinja amanene, amayinja

- ag'emikono kkumi, n'amayinja ag'emikono munaana.
- 11** Ne waggulu waaliwo amayinja ag'omuwendo omungi, amayinja amabajje, nga bwe gagerebwa, n'emitu egi'emivule.
 - 12** N'oluggya olukulu olwetoolodde lwalina embu ssatu ez'amayinja amabajje, n'olubu lw'emitu egi'emivule; ng'oluggya olw'omunda olw'ennyumba ya Mukama, n'ekisasi ky'ennyumba.
 - 13** Awo kabaka Sulemaani n'atuma n'aggya Kiramu mu Ttuulo.
 - 14** Yali mwana wa mukazi nnamwandu ow'omu kika kya Nafutaali, ne kitaawe yali musajja ow'e Ttuulo, omuweesi w'ebikomo; era yajjuzibwa amagezi n'okutegeera n'obukabakaba, okukola emirimu gyonna egi'ebikomo. N'ajja eri kabaka Sulemaani, n'akola omulimu gwe gwonna.
 - 15** Kubanga yaweesa empagi zombi ez'ebikomo, buli mpagi obugulumivu bwayo emikono kkumi na munaana: n'omugwa ogw'emikono kkumi n'ebiri gwetooloola zombi kinneemu.
 - 16** N'akola emitwe ebiri egi'ebikono ebisaanuuse, okugiteeka ku ntikko z'empagi: omutwe ogumu obugulumivu bwagwo bwali emikono etaano, n'omutwe ogw'okubiri obugulumivu bwagwo emikono etaano.
 - 17** Waaliwo ebitimba eby'omulimu ogulukibwa, n'emiggo egi'omulimu ogw'emikuufu, okuba ku mitwe egiyali ku ntikko z'empagi; omusanvu bya ku mitwe gumu, n'omusanvu bya ku mitwe ogw'okubiri.
 - 18** Bw'atyo bwe yakola empagi: ne waba embu bbiri ez'okwetooloola ku kitimba ekimu, okubikka ku mitwe egiyali ku ntikko z'empagi: era bw'atyo bwe yakola omutwe ogw'okubiri.
 - 19** N'emitwe egiyali ku ntikko z'empagi mu kisasi gyali gya mulimu gwa bimuli bya malanga emikono ena.
 - 20** Era ne waggulu waaliwo emitwe ku mpagi zombi, kumpi n'olubuto olwaliraana ekitimba: n'amakomamawanga gaali ebikumi bibiri, mu mbu okwetooloola ku mitwe ogw'okubiri.
 - 21** N'asimba empagi ku kisasi kya yeekaalu: n'asimba empagi eya ddyo, n'agituuma erinnya lyayo Yakini: n'asimba empagi eya kkono, n'agituuma erinnya lyayo Bowaazi.
 - 22** Ne ku ntikko z'empagi kwaliko omulimu ogw'ebimuli eby'amalanga: bwe gutyo omulimu gw'empagi bwe gwamalibwa.
 - 23** N'akola ennyanja ensaanuuse ya mikono kkumi okuva ku muggo okutuuka ku muggo, neekulungirivu, n'obugulumivu bwayo bwali emikono etaano: era omugwa ogw'emikono amakumi asatu gwagyetooloola.
 - 24** Era wansi w'omuggo gwayo okwetooloola waaliwo entaabwa ezaagyetooloola, emikono kkumi, nga zeetooloola ennyanja enjuyi zonna: entaabwa zaali mbu bbiri, ezaasaanuusibwa yo bwe yasaanuusibwa.
 - 25** Yatuula ku nte kkumi na bbiri, essatu nga zitunuulira obukiika obwa kkono, n'essatu nga zitunuulira obugwanjuba, n'essatu nga zitunuulira obukiika obwa ddyo, n'essatu nga zitunuulira obuvanjuba: ennyanja n'etekeebwa ku zo waggulu, amatako gaazo zonna nga gali munda.
 - 26** N'obugazi bwayo luta; n'omuggo gwayo gwakolebwa ng'omuggo gw'ekibya, ng'ekimuli ky'amalanga: yagyamu ensuwa enkumi bbiri.
 - 27** N'akola entebe ekkumi za bikomo; entebe emu obuwanvu bwayo emikono ena, n'obugazi bwayo emikono ena, n'obugulumivu bwayo emikono esatu.
 - 28** N'omulimu gw'entebe gwali bwe guti: zaaliko enkulukumbi; ne waba enkulukumbi wakati w'amadaala:
 - 29** ne ku nkulukumbi ezaali wakati w'amadaala ne kubaako empologoma n'ente ne

bakerubi; ne ku madaala ne kubaako waggulu ekitereezebwako: ne wansi w'empologoma n'ente ne wabaawo emigo egy'omulimu oguleebeeta.

- 30 Na buli ntebe yaliko bannamuziga bana ab'ebikomo n'eby'omu nkata eby'ebikomo: n'ebigere byayo ebina byaliko emisituliro: wansi w'ekinaabirwamu waaliwo emisituliro egyasaanusibwa, buli musituliro nga guliko emigo ku mbiriizi zaagwo.
- 31 N'akamwa kaayo munda w'omutwe ne waggulu gwali mukono gumu: n'akamwa kaayo kaali keekulungirivu ng'omulimu ogw'ekitereezebwako bwe guli, mukono ko ekitundu: era ku kamwa kaayo kwaliko enjola, n'enkulukumbi zaazo nga zeesonga obutaba n'ekulungirivu.
- 32 Ne bannamuziga abana baali wansi w'enkulukumbi; n'emikiikiro gya bannamuziga gyali mu ntebe: n'obugulumivu bwa nnamuziga mukono ko ekitundu ky'omukono.
- 33 N'omulimu gwa nnamuziga gwali ng'omulimu gwa nnamuziga w'eggaali: emikiikiro gyako ne bannamuziga baako n'amagulu gaako n'enkata zaako byonna byali bisaanuse.
- 34 Era waaliwo emisituliro ena ku nsonda ennya eza buli ntebe: emisituliro gyako gyali gya ntebe yennyini.
- 35 Ne ku ntikko y'entebe kwaliko ekintu eky'ekulungirivu obugulumivu bwakyo kitundu kya mukono: ne ku ntikko y'entebe emikono gyako n'enkulukumbi zaako byali bwe bityo.
- 36 Ne ku bipande by'emikono gyako ne ku nkulukumbi zaako n'ayolako bakerubi n'empologoma n'enkindu, ng'ekigero bwe kyenkana ekya buli kinnakimu, emigo nga gyetooloola.
- 37 Bw'atyo bwe yakola entebe ekkumi: zonna baazisaanuusa bumu, n'ekigero kimu, n'embala emu.
- 38 N'akola ebinaabirwamu kkumi bya bikomo: ekinaabirwamu ekimu kyagyamu ensuwa amakumi ana: na buli kinaabirwamu kyali kya mikono ena: ne ku ntebe ekkumi kinneemu ne kubaako ekinaabirwamu ekimu.
- 39 N'ateeka entebe, ettaano ku luuyi lw'ennyumba olwa ddyo, n'ettaano ku luuyi lw'ennyumba olwa kkono : n'ateeka ennyanja ku luuyi lw'ennyumba olwa ddyo ebuvanjuba, okutunuulira obukiika obwa ddyo.
- 40 Kiramu n'akola ebinaabirwamu n'ebijiiko n'ebibya. Awo Kiramu n'amalira ddala omulimu gwonna gwe yakolera kabaka Sulemaani mu nnyumba ya Mukama:
- 41 empagi zombi n'ebibya byombi eby'emitwe egyali ku ntikko z'empagi; n'ebitimba byombi eby'okubikka ku bibya byombi eby'emitwe egyali ku ntikko z'empagi;
- 42 n'amakomamawanga ebikumi bina ag'okubitimba byombi; embu bbiri ez'amakomamawanga za ku buli kitimba, okubikka ku bibya byombi eby'emitwe egyali ku mpagi;
- 43 n'entebe ekkumi n'ebinaabirwamu ekkumi ebyali ku ntebe;
- 44 n'ennyanja emu n'ente ekkumi n'ebbiri ezaali wansi w'ennyanja;
- 45 n'entamu n'ebisena n'ebibya: ebintu ebyo byonna Kiramu bye yakolera kabaka Sulemaani mu nnyumba ya Mukama byali bya bikomo bizigule.
- 46 Mu lusenyi lwa Yoludaani kabaka gye yabisaanusiza, awali ettaka ery'ebbumba wakati w'e Sukkosi ne Zalesani.
- 47 Sulemaani n'aleka ebintu byonna nga tabigeze, kubanga byali bingi nnyo nnyini: obuzito bw'ebikomo tebwatererekeka.
- 48 Sulemaani n'akola ebintu byonna ebyali mu nnyumba ya Mukama: ekyoto ekya zaabu n'emmeza okwabanga emigaati egy'okulaga, ya zaabu;
- 49 n'ebikondo, ku luuyi olwa ddyo bitaano, ne ku lwa kkono bitaano, mu maaso g'awayimibwa okwogera, bya zaabu nnongoofu; n'ebimuli n'eby'ettabaaza ne makaasi, bya zaabu;
- 50 n'ebikompe n'ebisalako ebisiriiza n'ebibya n'ebijiiko n'emumbiro, bya zaabu

nnongoofu; n'eango ez'enzigi z'ennyumba ey'omunda, kifo ekitukuvu ennyo, era n'ez'enzigi z'ennyumba, ya yeekaalu, za zaabu.

- 51** Bwe gutyo omulimu gwonna kabaka Sulemaani gwe yakola mu nnyumba ya Mukama ne guggwaawo. Sulemaani n'ayingiza ebintu Dawudi kitaawe bye yawonga, effeeza n'ezaabu n'ebintu, n'abiteeka mu mawanika g'ennyumba ya Mukama.

Essuula 8

- 1** Awo Sulemaani n'akuaanya abakadde ba Isiraeri n'emitwe gyonna egy'ebika, abakulu b'ennyumba za bakitaabwe ez'abaana ba Isiraeri, eri kabaka Sulemaani e Yerusaalemi, okulinyisa essanduuko ey'endagaano ya Mukama nga bagiggya mu kibuga kya Dawudi, Sayuuni.
- 2** Abasajja bonna aba Isiraeri ne bakuaanira eri kabaka Sulemaani ku mbaga, mu mwezi Esanimu, gwe mwezi ogw'omusanvu.
- 3** Abakadde bonna aba Isiraeri ne bajja, bakabona ne basitula essanduuko.
- 4** Ne balinnyisa essanduuko ya Mukama, n'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ebintu byonna ebitukuvu ebyali mu Weema; ebyo bakabona n'Abaleevi bye baalinnyisa.
- 5** Kabaka Sulemaani n'ekibiina kyonna ekya Isiraeri abaali bakuaanidde gy'ali baali wamu naye mu maaso g'essanduuko, nga bawayo endiga n'ente ezitabalika newakubadde okugattika olw'obungi.
- 6** Bakabona ne bayingiza essanduuko ey'endagaano ya Mukama mu kifo kyayo, away-imibwa mu nnyumba okwogera, mu kifo ekitukuvu ennyo, wansi w'ebiwawaatiro bya bakerubi.
- 7** Kubanga bakerubi baabamba ebiwawaatiro byabwe ku kifo ky'essanduuko, bakerubi ne babikka ku ssanduuko n'emisituliro gyayo waggulu.
- 8** Era emisituliro gyali miwanvu bwe gityo emisa gy'emisituliro n'okulaba n'agiraba ayima mu kifo ekitukuvu mu maaso g'awayimibwa okwogera; naye ayima ebweru nga tagiraba: era giri eyo ne leero.
- 9** Tewaali kintu mu ssanduuko wabula ebipande byombi eby'amayinja Musa bye yateekamu ku Kolebu, Mukama bwe yalagaana endagaano n'abaana ba Isiraeri, bwe baava mu nsi y'e Misiri.
- 10** Awo olwatuuka bakabona bwe baamala okuva mu kifo ekitukuvu, ekire ne kijjuza ennyumba ya Mukama,
- 11** bakabona n'okuyinza ne batayinza kuyimirira okuweereza olw'ekire: kubanga ekiti-ibwa kya Mukama nga kijjuzizza ennyumba ya Mukama.
- 12** Awo Sulemaani n'agamba nti Mukama yayogera ng'anaabeeranga mu kizikiza ekikutte.
- 13** Mazima nkuzimbidde ennyumba ey'okubeerangamu, ekifo ky'onootuulangamu emirembe gyonna.
- 14** Awo kabaka n'akyusa amaaso ge, n'asabira ekibiina kyonna ekya Isiraeri omukisa; ekibiina kyonna ekya Isiraeri ne kiyimirira.
- 15** N'ayogera nti Mukama yeebazibwe, Katonda wa Isiraeri, eyayogera n'akamwa ke ne Dawudi kitange, n'okutuukiriza akituukirizza n'omukono gwe, ng'ayogera nti
- 16** Okuva ku lunaku lwe nnaggirako abantu bange Isiraeri mu Misiri, seerobozanga kibuga kyonna mu bika byonna ebya Isiraeri okuzimba ennyumba, erinnya lyange libeerenga omwo; naye neeroboza Dawudi okuba omukulu w'abantu bange Isiraeri.
- 17** Era kyali mu mutima gwa Dawudi kitange okuzimba ennyumba olw'erinnya lya Mukama, Katonda wa Isiraeri.
- 18** Naye Mukama n'agamba Dawudi kitange nti Kubanga kyali mu mutima gwo okuzimba ennyumba olw'erinnya lyange, wakola bulungi kubanga kyali mu mutima gwo:

- 19 era naye tolizimba nnyumba; naye mutabani wo aliva mu ntumbwe zo, oyo ye alizimba ennyumba olw'erinnya lyange.
- 20 Era Mukama anywezezza ekigambo kye kye yayogera; kubanga nze nnyimukidde mu kifo kya Dawudi kitange, nga ntudde ku ntebe ya Isiraeri, nga Mukama bwe yasubiza, era nzimbye ennyumba olw'erinnya lya Mukama, Katonda wa Isiraeri.
- 21 Era ngeze omwo ekifo eky'essanduuko; omuli endagaano ya Mukama, gye yalagaana ne bajjajjaffe, bwe yabaggya mu nsi y'e Misiri.
- 22 Sulemaani n'ayimirira mu maaso g'ekyoto kya Mukama ekibiina kyonna ekya Isiraeri nga weebali, n'ayanjuluzza emikono gye eri eggulu:
- 23 n'ayogera nti Ai Mukama, Katonda wa Isiraeri, tewali katonda akufaanana ggwe, mu ggulu waggulu newakubadde ku nsi wansi; akwata endagaano n'okusasira eri abaddu bo, abatambulira mu maaso go n'omutima gwabwe gwonna:
- 24 eyakwata ekyo kye wamusubiza eri omuddu wo Dawudi kitange: weewaawo, wayogera n'akamwa ko, n'okutuukiriza okituukirizza n'omukono gwo, nga bwe kiri leero.
- 25 Kale nno, ai Mukama, Katonda wa Isiraeri, kwata ekyo kye wasubiza eri omuddu wo Dawudi kitange ng'oyogera nti Tewaakubulenga musajja mu maaso gange ow'okutuula ku ntebe ya Isiraeri; kyokka abaana bo bwe baneegenderezanga ekkubo lyabwe okutambuliranga mu maaso gange, nga ggwe bwe watambuliranga mu maaso gange.
- 26 Kale nno; ai Katonda wa Isiraeri, ekigambo kyo kituukirizibwe, nkwegayiridde, kye wagamba omuddu wo Dawudi kitange.
- 27 Naye Katonda anaabeeranga ku nsi mazima ddala? laba, eggulu n'eggulu ly'eggulu teriyinza kukugyamu: kale ennyumba eno gye nzimbye nga teriyinza n'akatono!
- 28 Naye ssaayo omwoyo gwo eri okusaba kw'omuddu wo, n'eri okwegayirira kwe, ai Mukama Katonda wange, okuwulira okukaaba n'okusaba omuddu wo kw'asabira mu maaso go leero;
- 29 amaaso go gazibukenga eri ennyumba eno emisana n'ekiro, eri ekifo kye wayogerako nti Erinnya lyange linaabeeranga omwo: okuwulira okusaba omuddu wo kw'anaasabanga ng'atunuulira ekifo kino.
- 30 Era wulira ggwe okwegayirira kw'omuddu wo, n'abantu bo Isiraeri, bwe banaasabanga nga batunuulira ekifo kino: weewaawo, wulira ggwe ng'oyima mu ggulu ekifo ky'obeerangamu; era bw'owulira sonyiwa.
- 31 Omuntu bw'anaayoonanga munne, ne bamussaako ekirayiro okumulayiza, n'ajja n'alayirira mu maaso g'ekyoto kyo mu nnyumba eno;
- 32 kale owuliranga ng'oyima mu ggulu, okole osalire abaddu bo omusango, okusinga ababi okuleeta ekkubo lye ku mutwe gwe ye; era ng'owa abatuukirivu obutuukirivu, okumuwa ng'obutuukirivu bwe bwe buli.
- 33 Abantu bo Isiraeri bwe banaakubibwanga ne bagwa wansi mu maaso g'abalabe, kubanga bakwonoonye; bwe banaakukyukiranga nate ne baatula erinnya lyo ne basaba ne bakwegayirira mu nnyumba eno:
- 34 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu, osonyiwe ekibi ky'abantu bo Isiraeri, obakomyewo mu nsi gye wawa bajjajjaabwe.
- 35 Eggulu bwe linaggalwangawo, so nga tewali nkuba, kubanga bakwonoonye; bwe banaasabanga nga batunuulira ekifo kino ne baatula erinnya lyo ne bakyuka okuleka ekibi kyabwe, bw'obabonyaabonyanga;
- 36 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu osonyiwe ekibi ky'abaddu bo n'abantu bo Isiraeri, bw'obayigiriza ekkubo eddungi lye baba batambuliramu; oweereze enkuba ku nsi yo gye wawa abantu bo okuba obusika.
- 37 Bwe wanaabanga mu nsi enjala, bwe wanaabanga kawumpuli, bwe wanaabanga okugengewala oba bukuku, enzige oba kawuka; abalabe baabwe bwe banaabazingizanga mu nsi ey'ebibuga byabwe; kawumpuli ne bw'anaafaanananga atya,

- n'endwadde ne bw'eneefaanananga etya;
- 38** kyonna kyonna omuntu yenna ky'anaasabanga era kyonna ky'aneegayiriranga, oba abantu bo bonna Isiraeri, abalimanya buli muntu endwadde ey'omu mutima gwe ye, n'ayanjuluza emikono gye eri ennyumba eno;
- 39** kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu ekifo ky'obeerangamu osonyiwe okole osasule buli muntu ng'amakubo ge gonna bwe gali, gw'omanyiiko omutima gwe; (kubanga ggwe, ggwe wekka, ggwe omanyi emitima gy'abaana b'abantu bonna:)
- 40** balyoke bakutye ennaku zonna ze banaamalanga mu nsi gye wawa bajjajjaffe.
- 41** Era eby'omunnaggwanga atali wa mu bantu bo Isiraeri, bw'anaavanga mu nsi ey'ewala olw'erinnya lyo;
- 42** (kubanga baliwulira eby'erinnya lyo ekkulu n'engalo zo ez'amaanyi n'omukono gwo ogwagololwa;) bw'anajjanga n'asaba ng'atunuulira ennyumba eno;
- 43** owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu ekifo ky'obeerangamu okole nga byonna bwe biri omunnaggwanga by'akukaabira; amawanga gonna ag'oku nsi balyoke bamanye erinnya lyo, okukutya ng'abantu bo Isiraeri bwe bakutya, era bamanye ng'ennyumba eno gye nzimbye etuumiddwa erinnya lyo.
- 44** Abantu bo bwe banaatabaalanga abalabe baabwe mu kkubo lyonna ly'onoobatumanga ne basaba Mukama nga batunuulira ekibuga kye weeroboza n'ennyumba gye nzimbidde erinnya lyo;
- 45** kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu okusaba kwabwe n'okwegayirira kwabwe owoze ensonga yaabwe.
- 46** Bwe banaakwonoona (kubanga tewali muntu atayonoona) n'obasunguwulira n'obagabula eri abalabe n'okutwala ne babatwala nga basibe mu nsi ey'abalabe oba wala oba kumpi;
- 47** naye bwe banajjuukiriranga mu nsi gye baatwalibwa nga basibe ne bakyuka ne bakwegayiririra mu nsi y'abo abaatwala nga basibe nga boogera nti Twayonoona ne tukola eby'obubambaavu, twagira ekyejo;
- 48** bwe banaakomangawo gy'oli n'omutima gwabwe gwonna n'emmeeme yaabwe yonna mu nsi y'abalabe baabwe abaatwala nga basibe, ne bakusaba nga batunuulira ensi yaabwe gye wawa bajjajjaabwe, ekibuga kye weeroboza n'ennyumba gye nzimbidde erinnya lyo;
- 49** kale owuliranga ggwe okusaba kwabwe n'okwegayirira kwabwe ng'oyima mu ggulu ekifo ky'obeerangamu owoze ensonga yaabwe;
- 50** osonyiwe abantu bo abakwonoonye n'okusobya kwabwe kwonna kwe bakusobya; obawe okusaasirwa mu maaso g'abo abaatwala nga basibe, babasaasire;
- 51** kubanga be bantu bo era bwe busika bwo bwe waggya mu Misiri, wakati mu kikoomi eky'ekyuma;
- 52** amaaso go gazibukenga eri okwegayirira kw'omuddu wo n'eri okwegayirira kw'abantu bo Isiraeri okubawuliranga buli bwe banaakukaabiranga.
- 53** Kubanga wabaawula mu mawanga gonna ag'oku nsi okuba obusika bwo, nga bwe wayogera n'omukono gwa Musa omuddu wo, bwe waggya bajjajjaffe mu Misiri, ai Mukama Katonda.
- 54** Awo olwatuuka Sulemaani bwe yamala okusaba ebyo byonna n'okwegayirira eri Mukama, n'agolokoka n'ava mu maaso g'ekyoto kya Mukama n'ava ku maviivi ge ge yali afukamiddeko, ng'ayanjuluzizza engalo ze eri eggulu.
- 55** N'ayimirira n'asabira ekibiina kyonna ekya Isiraeri omukisa n'eddooboozi ddene ng'ayogera nti
- 56** Mukama yeebazibwe awadde abantu be Isiraeri okuwummula, nga byonna bwe biri bye yasuubiza; tewali kigambo na kimu kibuze ku birungi bye yasuubiza n'omukono gwa Musa omuddu we.

- 57 Mukama Katonda waffe abeerenga naffe nga bwe yabanga ne bajjajjaffe; aleme okutuleka newakubadde okutwabilira:
- 58 alyoke akyuse emitima gyaffe gy'ali okutambuliranga mu makubo ge gonna n'okukwatanga ebiragi bye n'amateeka ge n'emisango gye bye yalagira bajjajjaffe.
- 59 N'ebigambo byange bino bye nneegayiridde mu maaso ga Mukama bibeerenga kumpi Mukama Katonda waffe emisana n'ekiro, awoze ensonga y'omuuddu we n'ensonga y'abantu be Isiraeri, nga buli lunaku bwe lunaayagalanga:
- 60 amawanga gonna ag'oku nsi bamanye nga Mukama ye Katonda; tewali mulala.
- 61 Kale omutima gwammwe gube mutuukirivu eri Mukama Katonda waffe okutambuliranga mu mateeka ge n'okukwatanga ebiragi bye nga leero.
- 62 Awo kabaka ne Isiraeri yenna wamu naye ne bawaayo ssaddaaka mu maaso ga Mukama.
- 63 Sulemaani n'awaayo okuba ssaddaaka ey'ebiweebwayo olw'emirembe gye yawaayo eri Mukama ente obukumi bubiri mu enkumi bbiri n'endiga kasiriivu mu obukumi bubiri. Bwe batyo kabaka n'abaana ba Isiraeri bonna ne bawonga ennyumba ya Mukama.
- 64 Ku lunaku olwo kabaka kwe yatukuliza wakati w'oluggya olwali mu maaso g'ennyumba ya Mukama; kubanga eyo gye yaweerayo ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'obutta n'amasavu g'ebyo ebiweebwayo olw'emirembe; kubanga ekyoto eky'ekikomo ekyali mu maaso ga Mukama kyali kiyinze obutono ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'obutta n'amasavu g'ebiweebwayo olw'emirembe ne bitagyako.
- 65 Awo Sulemaani n'afumba embaga eyo mu biro ebyo ne Isiraeri yenna wamu naye, ekibiina ekinene, okuva awayingirirwa e Kamasi okutuuka ku kagga ak'e Misiri, mu maaso ga Mukama Katonda waffe, ennaku omusanvu n'ennaku omusanvu, ze nnaku ekkumi n'ennya.
- 66 Ku lunaku olw'omunaana n'asindika abantu, ne basabira kabaka omukisa, ne bagenda mu weema zaabwe nga basanyuka era nga bajaguza mu mitima gyabwe olw'obulungi bwonna Mukama bwe yali alaze Dawudi omuddu we ne Isiraeri abantu be.

Essuula 9

- 1 Awo olwatuuka Sulemaani bwe yamala okuzimba ennyumba ya Mukama n'ennyumba ya kabaka n'ebyo byonna Sulemaani bye yayagala bye yasiima okukola,
- 2 awo Mukama n'alabikira Sulemaani omulundi ogw'okubiri, nga bwe yamulabikira e Gibyoni.
- 3 Awo Mukama n'amugamba nti Mpulidde okusaba kwo n'okwegayirira kwo kw'osabidde mu maaso gange; ntukuzizza ennyumba eno gy'ozimbye okuteeka omwo erinnya lyange emirembe gyonna; n'amaaso gange n'omutima gwange binaabeerangayo obutayosangawo.
- 4 Naawe bw'onootambuliranga mu maaso gange nga Dawudi kitaawo bwe yatambulanga n'omutima ogw'amazima n'obugolokofu okukolanga nga byonna bwe biri bye nnaakulagira, era bw'onookwatanga amateeka gange n'emisango gyange;
- 5 awo naanywezanga entebe ey'obwakabaka bwo ku Isiraeri emirembe gyonna; nga bwe nnasuubiza Dawudi kitaawo nga njogera nti Tewaakubulenga musajja wa kutuula ku ntebe ya Isiraeri.
- 6 Naye bwe munaakyukanga obutangoberera nze, mmwe oba baana bammwe, ne mutakwata biragi byange n'amateeka gange bye nnateeka mu maaso gammwe, naye ne mugenda ne muweereza bakatonda abalala ne mubasinza;
- 7 kale ndimalawo Isiraeri mu nsi gye mbawadde; n'ennyumba eno gye ntukuzizza

- olw'erinnya lyange ndigiggyawo mu maaso gange; kale Isiraeri aliba lugero na kigambo eky'obuwemu mu mawanga gonna;
- 8** era ennyumba eno newakubadde nga mpanvu bw'eti, naye buli anaagiyitangako aneewuunyanga n'asooza; era balyogera nti Mukama kiki ekimukozezza ensi eno bwe kityo n'ennyumba eno?
- 9** Awo baliddamu nti Kubanga baaleka Mukama Katonda waabwe eyaggya bajjajjaabwe mu nsi y'e Misiri, ne bakwata bakatonda abalala ne babasinza ne babaweereza; Mukama kyavudde abaleetako obubi bunu bwonna.
- 10** Awo olwatuuka emyaka amakumi abiri bwe gyayitawo, Sulemaani mwe yazimbira ennyumba zombi, ennyumba ya Mukama n'ennyumba ya kabaka,
- 11** (era Kiramu kabaka w'e Ttuulo yali amulabidde Sulemaani emivule n'emiberosi n'ezaabu nga byonna bwe byali bye yayagala.) awo kabaka Sulemaani n'awa Kiramu ebibuga amakumi abiri mu nsi y'e Ggaliraaya.
- 12** Awo Kiramu n'afuluma mu Ttuulo okulambula ebibuga Sulemaani by'amuwadde: n'atabisiima.
- 13** N'ayogera nti Bibuga ki bino by'ompadde, muganda wange? N'abiyita ensi Kabuli ne leero.
- 14** Awo Kiramu n'aweereza kabaka zaabu talanta kikumi mu abiri.
- 15** Era eno ye nsonga y'okusolooza kabaka Sulemaani kwe yasolooza; okuzimba ennyumba ya Mukama n'ennyumba ye ne Miiro ne bbugwe wa Yerusalemi ne Kazoli ne Megiddo ne Gezeri.
- 16** Falaawo kabaka w'e Misiri yali atabadde n'amenya Gezeri n'akyokya omuliro n'atta Abakanani abatuula mu kibuga n'akiwa muwala we muka Sulemaani okuba omugabo.
- 17** Sulemaani n'azimba Gezeri ne Besukolooni ekya wansi
- 18** ne Baalasi ne Tamali mu ddungu, mu nsi,
- 19** n'ebibuga byonna eby'okuterekeramu Sulemaani bye yalina n'ebibuga eby'amagaali ge n'ebibuga eby'abasajja be abeebagala embalaasi n'ebyo Sulemaani bye yayagala okuzimba mu Yerusalemi olw'okwesanyusa ne ku Lebanooni ne mu nsi yonna gye yatwala.
- 20** Abantu bonna abaali basigadde ku b'Amoli n'Abakiiti n'Abaperizi n'Abakiivi n'Abayebusi abatali ba ku baana ba Isiraeri;
- 21** abaana baabwe abaasigala oluvannyuma lwabwe mu nsi abaana ba Isiraeri be bataayinza kuzikiririza ddala, abo Sulemaani be yasoloozaako abaddu ne leero.
- 22** Naye Sulemaani teyafuula baddu ku baana ba Isiraeri; naye baabanga basajja balwanyo n'abaweereza be n'abakulu be n'abaami be era abaafuganga amagaali ge n'abasajja be abeebagalanga embalaasi.
- 23** Abo be baali abaami abakulu abaalabirira omulimu gwa Sulemaani, ebikumi bitaano mu ataano abaafuganga abantu abaakola omulimu.
- 24** Naye muwala wa Falaawo n'ava mu kibuga kya Dawudi n'ayambuka n'ajja mu nnyumba ye Sulemaani gye yali amuzimbidde: awo n'azimba Miiro.
- 25** Era Sulemaani n'awangayo emirundi esatu buli mwaka ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe ku kyoto kye yazimbira Mukama, ng'ayotereza obubaane wamu ku kyoto ekyali mu maaso ga Mukama. Bw'aty'o bwe yamala ennyumba.
- 26** Awo kabaka Sulemaani n'asibira empingu eya malikebu e Eziyonigeba ekiriraanye e Erosi ku ttale ly'Ennyanja Emmyufu mu nsi ey'e Edomu.
- 27** Kiramu n'aweereza mu mpingu abaddu be abalunyanja abamanyi ennyanja, wamu n'abaddu ba Sulemaani.
- 28** Ne bajja e Ofiri ne bakimayo zaabu talanta ebikumi bina mu abiri ne bagireeta eri

kabaka Sulemaani.

Essuula 10

- 1 Awo kabaka omukazi w'e Seeba bwe yawulira ettutumo lya Sulemaani olw'erinnya lya Mukama, n'ajja okumukema n'ebibuuzibwa ebizibu.
- 2 N'ajja e Yerusaalemi ng'alina abaddu bangi nnyo n'eamira ezeetisse eby'akaloosa n'ezaabu nnyingi nnyo n'amayinja ag'omuwendo omungi; awo bwe yajja eri Sulemaani, n'ateesa naye ebyo byonna ebyali mu mutima gwe.
- 3 Awo Sulemaani n'amutegeeza byonna bye yamubuuza: tewaali kintu ekyakwekebwa kabaka ky'ataamutegeeza.
- 4 Awo kabaka omukazi w'e Seeba bwe yamala okulaba amagezi gonna aga Sulemaani n'ennyumba gye yazimba,
- 5 n'emmere ey'oku mmeeza ye n'okutuula kw'abaddu be n'okuweereza kw'abaweereza be n'ebyambalo byabwe n'abasenero be n'olutindo lwe lwe yalinyirangako okugenda mu nnyumba ya Mukama; kale nga temukyasigadde mwoyo mu ye.
- 6 N'agamba kabaka nti Ekigambo kye nnawulirira mu nsi yange kyali kya mazima eky'ebikolwa byo n'amagezi go.
- 7 Era naye sakkiriza bigambo ebyo okutuusa lwe najja amaaso gange ne gakeraba: era, laba, saabuulirwa kitundu: amagezi go n'omukisa gwo bisinga ettutumo lye nnawulira.
- 8 Abasajja bo balina omukisa, abaddu bo bano balina omukisa, abayimirira mu maaso go ennaku zonna ne bawulira amagezi go.
- 9 Mukama Katonda wo yeebazibwe akusanyukira okukuteeka ku ntebe ya Isiraeri: kubanga Mukama yayagala Isiraeri emirembe gyonna, kyeyava akufuula kabaka okukola eby'ensonga n'eby'obutuukirivu.
- 10 Awo n'awa kabaka zaabu talanta kikumi mu abiri, n'eby'akaloosa bingi nnyo nnyini n'amayinja ag'omuwendo omungi: tewajja lwa kubiri bya kaloosa bingi ebyenkanidde awo ng'ebyo kabaka omukazi w'e Seeba bye yawa kabaka Sulemaani.
- 11 Era n'empingu ya Kiramu eyaleeta zaabu okuva e Ofiri, n'eggya e Ofiri emitooogo mingi nnyo n'amayinja ag'omuwendo omungi.
- 12 Kabaka n'afuula emitooogo empagi z'ennyumba ya Mukama n'ennyumba ya kabaka, n'ennanga n'entongooli z'abayimbi: tewajja mitoogo egifaanana bwe gityo so tegyal-abika ne leero.
- 13 Awo kabaka Sulemaani n'awa kabaka omukazi w'e Seeba byonna bye yayagala, buli kye yasaba kyonna, obutassaako ebyo Sulemaani bye yamuwa olw'ekisa kye ekya kabaka. Awo n'akyuka n'addayo mu nsi ye ye, ye n'abaddu be.
- 14 Era ezaabu eyajja eri Sulemaani mu mwaka ogumu obuzito bwayo bwali talanta lukaaga mu nkaaga mu mukaaga,
- 15 obutassaako eyo abasuubuzi gye baaleetanga n'abatunzi gye baatundanga ne bakabaka bonna ab'eggwanga ettabule n'abakulu b'ensi.
- 16 Era kabaka Sulemaani n'aweesa obugabo bikumi bibiri bwa zaabu mpeese: buli kagabo n'akawaako sekeri za zaabu lukaaga.
- 17 N'akola engabo ebikumi bisatu bya zaabu mpeese; buli ngabo n'agiwaako laateri ssatu: kabaka n'azitereka mu nnyumba ey'ekibira kya Lebanooni.
- 18 Era kabaka n'akola entebe ey'obwakabaka ennene ya masanga n'agibikkako zaabu nnungi nnyo nnyini.
- 19 Entebe yaliko amadaala mukaaga, era entebe waggulu waayo yali nneekulunguivu ennyuma; era yaliko emikono eruuyi n'eruyi awatuulibwa, n'empologoma bbiri nga ziyimiridde ku mabbali g'emikono.

- 20 N'empologoma kkumi na bbiri zaayimirira eruuyi n' eruuyi ku madaala omukaaga tewaali eyakolebwa mu bwakabaka bwonna okugifaanana.
- 21 Era ebintu byonna ebya kabaka Sulemaani eby' okunyweramu byali bya zaabu, n' ebintu byonna eby' omu nnyumba ey' ekibira kya Lebanooni byali bya zaabu nnon-goofu: tewaali bya ffeeza; teyalowoozebwa nga kintu ku mireembe gya Sulemaani;
- 22 Kubanga kabaka yalina ku nnyanja empingu eya malikebu ey'e Talusiisi wamu n' empingu ya Kiramu; empingu ey'e Talusiisi yajjanga mulundi gumu buli myaka esatu ng' ereeta zaabu n' effeeza, amasanga n' enkobe ne bamuzinge.
- 23 Awo kabaka Sulemaani n' asinga bakabaka bonna ab' ensi obugagga n' amagezi.
- 24 Ensi yonna ne banoonya amaaso ga Sulemaani okuwulira amagezi ge, Katonda ge yali atadde mu mutima gwe.
- 25 Ne baleeta buli muntu ekirabo kye, ebintu ebya ffeeza n' ebintu ebya zaabu n' ebyambalo n' ebyokulwanyisa n' eby' akaloosa, embalaasi n' ennyumbu, ebyasalibwa ebya buli mwaka.
- 26 Sulemaani n' akuaanya amagaali n' abasajja abeebagala embalaasi; era yalina amagaali lukumi mu ebikumi bina n' abasajja abeebagala embalaasi kakumi mu enkumi bbiri be yateeka mu bibuga eby' amagaali n' awaali kabaka e Yerusaalemi.
- 27 Kabaka n' afuula ffeeza okuba ng' amayinja mu Yerusaalemi, n' emivule n' agifuula okuba ng' emisukomooli egiri mu biwonvu olw' obungi.
- 28 N' embalaasi Sulemaani ze yalina zaggibwa mu Misiri: n' abasuubuzi ba kabaka ne baziweebwanga bisibo, buli kisibo n' omuwendo gwakyo.
- 29 Era eggaali lyalinnyanga nga liva mu Misiri nga lijirira sekeri lukaaga eza ffeeza, n' embalaasi ng' ejjirira kikumi mu ataano; era bakabaka bonna ab' Abakiiti bwe batyo ne bakabaka ab' e Busuuli, baaziggyangamu mu mukono gwabwe.

Essuula 11

- 1 Era kabaka Sulemaani n' ayagala abakazi bangi bannaggwanga wamu ne muwala wa Falaawo, abakazi ab' oku Bamowaabu n' Abamoni n' Abaedomu n' Abasidoni n' Abakiiti;
- 2 ku mawanga Mukama ge yagambako abaana ba Isiraeri nti Temugendanga mu bo so tebajjanga bo mu mmwe: kubanga tebalirema kukyusa mitima gyammwe okugoberera bakatonda baabwe: Sulemaani ne yeegatta nabo ng' abaagala.
- 3 Era yalina abakazi lusanvu, abambejja, n' abazaana ebikumi bisatu: bakazi be ne bakyusa omutima gwe.
- 4 Kubanga olwatuuka Sulemaani ng' akaddiye bakazi be ne bakyusa omutima gwe okugoberera bakatonda abalala: omutima gwe ne gutatuukirira eri Mukama Katonda we nga bwe gwali omutima gwa Dawudi kitaawe.
- 5 Kubanga Sulemaani n' agoberera Asutaloosi, katonda omukazi ow' Abasidoni, ne Mirukomu omuzizo gw' Abamoni.
- 6 Era Sulemaani n' akola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi, n' atagobererera ddala Mukama, nga Dawudi kitaawe bwe yakola.
- 7 Awo Sulemaani n' azimbira Kemosi ekifo ekigulumivu, gwe muzizo gwa Mowaabu, ku lusozi olwolekera Yerusaalemi, ne Moleki omuzizo gw' abaana ba Amoni.
- 8 Era bwe yakolera bw' atyo bakazi be bonna bannaggwanga abaayotezanga obubaane ne bawaayo ssaddaaka eri bakatonda baabwe.
- 9 Mukama n' asunguwalira Sulemaani kubanga omutima gwe gwakyuka okuva ku Mukama Katonda wa Isiraeri eyali yaakumulabikira emirundi ebiri,
- 10 era eyamulagira olw' ekigambo ekyo aleme okugoberera bakatonda abalala, naye n' atakwata ekyo Mukama kye yalagira.

- 11 Mukama kyeyava agamba Sulemaani nti Kubanga okoze kino so tokutte ndagaano yange n'amateeka gange bye nnakulagira, sirirema kukuyuzaako obwakabaka ne mbuwa omuddu wo.
- 12 Naye sirikola bwe ntyo ku mireembe gyo ku lwa Dawudi kitaawo: naye ndibuyuza okubugya mu mukono gw'omwana wo.
- 13 Naye siriyuzaako bwakabaka bwonna, naye ndimuwa omwana wo ekika kimu ku lwa Dawudi omuddu wange era ku lwa Yerusalemi kye nneeroboza.
- 14 Awo Mukama n'ayimusiza Sulemaani omulabe, Kadadi Omwedomu: yali wa ku zzadde lya kabaka mu Edomu.
- 15 Kubanga olwatuuka Dawudi bwe yali mu Edomu ne Yowaabu omukulu w'eggye ng'ayambuse okuziika abafu era ng'asse buli musajja mu Edomu;
- 16 (kubanga Yowaabu ne Isiraeri yenna baamalayo emyezi mukaaga okutuusa lwe yamalawo buli musajja mu Edomu;)
- 17 awo Kadadi n'adduka, ye n'Abaedomu abamu ab'oku baddu ba kitaawe wamu naye okugenda mu Misiri: Kadadi ng'akyali mwana muto.
- 18 Ne bagolokoka okuva mu Midiyaani ne bajja e Palani: ne batwala wamu nabo abasajja nga babaggya e Palani ne bajja e Misiri eri Falaawo kabaka w'e Misiri; oyo n'amuwa ennyumba n'amulagira ebyokulya n'amuwa ensi.
- 19 Awo Kadadi n'aganja nnyo mu maaso ga Falaawo n'okumuwa n'amuwa okuwasa muganda wa mukazi we ye, muganda wa Tapenesi kaddulubaale.
- 20 Awo muganda wa Tapenesi n'amuzaalira Genubasi mutabani we Tapenesi gwe yaggira ku mabeere mu nnyumba ya Falaawo: Genubasi n'abeera mu nnyumba ya Falaawo mu batabani ba Falaawo.
- 21 Awo Kadadi bwe yawulirira mu Misiri nga Dawudi yeebakidde wamu ne bajjajjaabe, era nga Yowaabu omukulu w'eggye ng'afudde, Kadadi n'agamba Falaawo nti Ka ende ntuuke mu nsi y'ewaffe.
- 22 Awo Falaawo n'amugamba nti Naye kiki ekyakubula ng'oli nange n'okwagala n'oyagala, laba, okugenda mu nsi y'ewammwe? N'addamu nti Tewali kintu: naye leka mmale gagenda.
- 23 Awo Katonda n'amuyimusizaako omulabe omulala, Lezoni mutabani wa Eriyadda eyali adduse mukama we Kadadezeri kabaka w'e Zoba:
- 24 n'akuaanya abantu gy'ali, n'afuuka omukulu w'ekibiina Dawudi bwe yatta ab'e Zoba: ne bagenda e Ddamasiko ne babeera omwo, ne bafugira mu Ddamasiko.
- 25 N'aba mulabe eri Isiraeri emirembe gyonna egya Sulemaani obutassaako bubu Kadadi bwe yakola: n'akyawa Isiraeri n'afuga Obusuuli.
- 26 Awo Yerobowaamu mutabani wa Nebati, Omwefulayimu ow'e Zereda, omuddu wa Sulemaani, nnyina erinnya lye Zeruwa namwandu, era naye n'ayimusiza kabaka omukono.
- 27 Era eno ye yali ensonga kyeyava ayimusiza kabaka omukono; Sulemaani yazimba Miiro n'aziba ekituli eky'omu kibuga kya Dawudi kitaawe.
- 28 Era omusajja oyo Yerobowaamu yali musajja wa maanyi omuzira: Sulemaani n'alaba omulenzi oyo nga munyiikivu, n'amutikkira emirimu gyonna egy'ennyumba ya Yusufu.
- 29 Awo olwatuuka mu biro ebyo Yerobowaamu bwe yava mu Yerusalemi, nnabbi Akiya Omusiiri n'amusanga mu kkubo; era Akiya yali ayambadde ekyambalo ekiggya; awo bombi ne baba bokka ku ttale.
- 30 Akiya n'akwata ku kyambalo ekiggya kye yali ayambadde n'akiyuzaamu ebitundu kkumi na bibiri.
- 31 N'agamba Yerobowaamu nti Weetwalire ebitundu kkumi: kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndiyuza mu bwakabaka ne mbuggya mu

mukono gwa Sulemaani ne nkuwa ggwe ebika kkumi:

- 32 (naye aliba n'ekika kimu ku lw'omuddu wange Dawudi ne ku lwa Yerusaalemi ekibuga kye nneeroboza mu bika byonna ebya Isiraeri:)
- 33 kubanga bandese ne basinza Asutaloosi katonda omukazi ow'Abasidoni ne Kemosi katonda wa Mowaabu ne Mirukomu katonda w'abaana ba Amoni; so tebatambulidde mu makubo gange okukola ebiri mu maaso gange ebirungi n'okukwata amateeka gange n'emisango gyange nga bwe yakolanga Dawudi kitaawe.
- 34 Naye siriggya bwakabaka bwonna mu mukono gwe: naye ndimufuula omukulu ennaku zonna ez'obulamu bwe ku lwa Dawudi omuddu wange gwe nnalonda kubanga yakwata ebiragiyo byange n'amateeka gange:
- 35 naye ndiggya obwakabaka mu mukono gwa mutabani we ne mbuwa ggwe, ebika kkumi.
- 36 Ne mutabani we ndimuwa ekika kimu, Dawudi omuddu wange abeerenga n'ettabaaza ennaku zonna mu maaso gange mu Yerusaalemi ekibuga kye nneeroboza okuteeka omwo erinnya lyange.
- 37 Era ndikutwala, naawe olifuga nga byonna bwe biriba emmeeme yo by'eryagala, era oliba kabaka wa Isiraeri.
- 38 Awo olulituuka bw'onoowuliranga byonna bye nkulagira n'otambuliranga mu makubo gange n'okolanga ebyo ebiri mu maaso gange ebirungi, okukwatanga amateeka gange n'ebiragiyo byange nga Dawudi omuddu wange bwe yakolanga; kale naabeeranga wamu naawe, era ndikuzimbira ennyumba ey'enkalakkalira nga bwe nnazimbira Dawudi, era ndikuwa Isiraeri.
- 39 Era kyendiva mbonyabonya ezzadde lya Dawudi naye siribabonyezabonyeza emirembe gyonna.
- 40 Sulemaani kyeyava asala amagezi okutta Yerobowaamu; naye Yerobowaamu n'agolokoka n'addukira mu Misiri eri Sisaki kabaka w'e Misiri, n'abeera mu Misiri okutuusa Sulemaani lwe yafa.
- 41 Era ebikolwa byonna ebirala ebya Sulemaani ne byonna bye yakola n'amagezi ge tebyawandiikibwa mu kitabo ky'ebikolwa bya Sulemaani?
- 42 N'ebiro Sulemaani bye yafugira Isiraeri yenna mu Yerusaalemi byali emyaka ana.
- 43 Awo Sulemaani ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi kitaawe: awo Lekobowaamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 12

- 1 Lekobowaamu n'agenda e Sekemu: kubanga Isiraeri yenna baali bazze e Sekemu akumufuula kabaka.
- 2 Awo olwatuuka Yerobowaamu mutabani wa Nebati bwe Yakiwulira; (kubanga yali akyali mu Misiri gye yali addukidde okuva eri kabaka Sulemaani, era Yerobowaamu n'atuula mu Misiri),
- 3 ne batuma ne bamuyita; awo Yerobowaamu n'ekibiina kyonna ekya Isiraeri ne bajja ne boogera ne Lekobowaamu nti
- 4 Kitaawo yafuula ekikoligo kyaffe okuba ekizito: kale nno wewula ggwe okuweereza okuzibu okwa kitaawo n'ekikoligo kye ekizito kye yatuteekako, naffe tulikuweereza.
- 5 N'abagamba nti Mugende mumale ennaku ssatu nate, mulyoke mujje gye ndi nate. Abantu ne bagenda.
- 6 Kabaka Lekobowaamu n'ateesa ebigambo n'abakadde abaayimiriranga mu maaso ga Sulemaani kitaawe bwe yali ng'akyali mulamu ng'ayogera nti Magezi ki ge mumpa okubaddamu abantu bano?
- 7 Ne bamugamba nti Bw'onooyagala okuba omuddu eri abantu bano leero n'oyagala

okubaweereza n'obaddamu n'obagamba ebigambo ebirungi, kale bo banaabanga abaddu bo ennaku zonna.

- 8 Naye n'aleka amagezi g'abakadde ge baamuwa, n'ateesa n'abalenzi abaakulira awamu naye abaayimirira mu maaso ge.
- 9 N'abagamba nti Magezi ki ge mumpa mmwe tubaddemu abantu bano abaambye nti Wewula ekikoligo kitaawo kye yatuteekako?
- 10 Awo abalenzi abaakulira awamu naye ne bamugamba nti Bw'otyo bw'oba ogamba abantu bano abakugambye nti Kitaawo yafuula ekikoligo kyaffe okuba ekizito, naye ggwe kiwewule gye tuli; bw'otyo bw'oba obagamba nti Nasswi wange asinga obunene ekiwato kya kitange.
- 11 Era nno kubanga kitange yababinika ekikoligo ekizito, nze ndyongera ku kikoligo kyammwe: kitange yabakangavvula na nkoba, naye nze ndibakangavvula na njaba ez'obusagwa.
- 12 Awo Yerobowaamu n'abantu bonna ne bajja eri Lekobowaamu ku lunaku olw'okusatu, nga kabaka bwe yalagira, ng'ayogera nti Mujjanga gye ndi nate ku lunaku olw'okusatu.
- 13 Awo kabaka n'addamu abantu n'ebboggo, n'aleka okuteesa kw'abakadde kwe baamuwa;
- 14 n'abagamba ng'okuteesa kw'abalenzi bwe kwali, ng'ayogera nti Kitange yafuula ekikoligo kyammwe ekizito, naye nze ndyongera ku kikoligo kyammwe: kitange yabakangavvula na nkoba, naye nze ndibakangavvula na njaba ez'obusagwa.
- 15 Awo kabaka n'atawulira bantu; kubanga kyali kigambo Mukama kye yaleeta anyweeze ekigambo kye Mukama kye yagamba Yerobowaamu mutabani wa Nebati mu mukono gwa Akiya Omusiiri.
- 16 Awo Isiraeri yenna bwe baalaba nga kabaka tabawulira, abantu ne baddamu kabaka nga boogera nii Mugabo ki gwe tulina mu Dawudi? so tetulina busika mu mutabani wa Yese: mudde mu weema zammwe, ai Isiraeri: labirira nno ennyumba yo ggwe, Dawudi. Awo Isiraeri ne bagenda mu weema zaabwe.
- 17 Naye abaana ba Isiraeri abaabeera mu bibuga bya Yuda, abo Lekobowaamu n'abafuga.
- 18 Awo kabaka Lekobowaamu n'atuma Adolamu eyali omukulu w'omusolo; Isiraeri yenna ne bamukasookirira amayinja n'okufa n'afa. Kabaka n'ayanguwa okulinnya mu ggaali ye okuddukira mu Yerusaalemi.
- 19 Bwe batyo Isiraeri ne bajeemera ennyumba ya Dawudi ne leero.
- 20 Awo olwatuuka Isiraeri yenna bwe baawulira nga Yerobowaamu akomyewo, ne batuma ne bamuyita okujja eri ekibiina, ne bamufuula kabaka wa Isiraeri yenna: tewaali eyagoberera ennyumba ya Dawudi wabula ekika kya Yuda kyokka.
- 21 Awo Lekobowaamu bwe yatuuka e Yerusaalemi, n'akuaanya ennyumba yonna eya Yuda n'ekika kya Benyamini, abasajja abalonde kasiriivu mu obukumi munaana, abalwanyi, okulwana n'ennyumba ya Isiraeri, okumuddiza nate obwakabaka Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani.
- 22 Naye ekigambo kya Katonda ne kijjira Semaaya omusajja wa Katonda nga kyogera nti
- 23 Gamba Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani kabaka wa Yuda n'ennyumba yonna eya Yuda ne Benyamini n'abantu bonna abalala nti
- 24 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Temwambuka so temulwana ne baganda bammwe abaana ba Isiraeri: muddeeyo buli muntu mu nnyumba ye; kubanga ekigambo kino kyava gye ndi. Awo ne bawulira ekigambo kya Mukama ne baddayo ne bagenda ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali.
- 25 Awo Yerobowaamu n'azimba Sekemu mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, n'abeera

omwo; n'ava omwo n'azimba Penueri.

- 26 Yerobowaamu n'ayogerera mu mutima gwe nti Kaakano obwakabaka bunadda eri ennyumba ya Dawudi:
- 27 abantu bano bwe banaayambukanga okuweerayo ssaddaaka mu nnyumba ya Mukama mu Yersaalemi, kale omutima gw'abantu bano gulikyukira nate mukama waabwe, Lekobowaamu kabaka wa Yuda; kale balinzita nze, ne baddayo eri Lekobowaamu kabaka wa Yuda.
- 28 Awo kabaka n'alyoka ateesa ebigambo, n'akola ennyana bbiri za zaabu: n'abagamba nti Kinaabalemanga okwambukanga e Yersaalemi; laba bakatonda bo, ai Isiraeri, abaakuggya mu nsi y'e Misiri.
- 29 Naateeka emu mu Beseri ne ginnaayo naagiteeka mu Ddaani.
- 30 N'ekigambo ekyo ne kiba ekibi: kubanga abantu baagendanga okusinziza mu maaso g'emu nga bagenda e Ddaani.
- 31 N'azimba ennyumba ez'ebifo ebigulumivu, n'assaawo bakabona ng'abaggya mu bantu bonna abatali ba ku baana ba Leevi.
- 32 Era Yerobowaamu n'assaawo embaga mu mwezi ogw'omunaana ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi n'ettaano okufaanana embaga eri mu Yuda, n'alinnya eri ekyoto; bw'atyo bwe yakolera mu Beseri ng'awaayo ssaddaaka eri ennyana ze yakola: n'ateeka mu Beseri bakabona b'ebifo ebigulumivu be yassaawo.
- 33 N'alinnya eri ekyoto kye yali azimbye mu Beseri ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogw'omunaana, gwe mwezi gwe yagunja mu mutima gwe ye; n'assaawo embaga eri abaana ba Isiraeri, n'alinnya eri ekyoto okwoteza obubaane.

Essuula 13

- 1 Awo, laba, ne wajja omusajja wa Katonda ng'ava mu Yuda olw'ekigambo kya Mukama n'ajja e Beseri: awo Yerobowaamu yali ng'ayimiridde awali ekyoto okwoteza obunaane.
- 2 Awo n'ayogerera waggulu ku kyoto olw'ekigambo kya Mukama n'ayogera nti Ai ekyoto, ekyoto, bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Laba, omwana alizalirwa ennyumba ya Dawudi, erinnya lye Yosiya; era ku ggwe kw'aliweerayo bakabona b'ebifo ebigulumivu abootereza obubaane ku ggwe, era baliweerayo ku ggwe amagumba g'abantu.
- 3 N'awa akabonero ku lunaku olwo ng'ayogera nti Kano ke kabonero Mukama k'ayogedde: laba, ekyoto kiryatika n'evvu erikiriko liriyyiika.
- 4 Awo olwatuuka kabaka bwe yawulira ekigambo eky'omusajja wa Katonda kye yayogerera waggulu ku kyoto mu Beseri, awo Yerobowaamu n'agolola omukono gwe ng'ayima awali ekyoto ng'ayogera nti Mumukwate: N'omukono gwe gw'amugoledde ne gukala n'okuyinza n'atayinza kuguzza nate.
- 5 Ekyoto nakyo ne kyatika n'evvu ne liyyiika okuva ku kyoto ng'akabonero bwe kaali omusajja wa Katonda ke yawa olw'ekigambo kya Mukama.
- 6 Awo kabaka n'addamu n'agamba omusajja wa Katonda nti Weegayirire nno ekisa kya Mukama Katonda wo onsabire omukono gwange gumponyeezebwe nate: Omusajja wa Katonda ne yeegayirira Mukama, omukono gwa kabaka ne gumuwonyeezebwa nate ne gufuuka nga bwe gwali olubereberye.
- 7 Kabaka n'agamba omusajja wa Katonda nti Tuddeyo nange eka oweereweere, nange naakuwa empeera.
- 8 Omusajja wa Katonda n'agamba kabaka nti Newakubadde ng'onompa ekitundu ky'ennyumba yo, siyingire wamu naawe so siiriire mmere so sinywere mazzi mu kifo kino:

- 9 kubanga bwe nkuutiddwa bwe ntyo n'ekigambo kya Mukama nga kyogera nti Tolya mmere so tonywa mazzi so toddayo mu kkubo ly'ofulumyemu.
- 10 Awo n'addayo mu kkubo eddala, n'ataddayo mu kkubo ly'afulumyemu ng'ajja e Beseri.
- 11 Awo waaliwo nnabbi omukadde eyabeeranga mu Beseri; omu ku batabani be n'ajja n'amubuulira ebikolwa byonna omusajja wa Katonda bye yali akoledde mu Beseri ku lunaku olwo: ebigambo by'agambye kabaka nabyo ne babibuulira kitaabwe.
- 12 Kitaabwe n'abagamba nti Kkubo ki mw'afulumidde? Awo batabani be nga balabye ekkubo ly'afulumidde mu omusajja wa Katonda eyava mu Yuda.
- 13 N'agamba batabani be nti Munteekere amatandiiko ku ndogoyi. Awo ne bamuteekera amatandiiko ku ndogoyi: n'agyebagala.
- 14 N'agoberera omusajja wa Katonda n'amusanga ng'atudde wansi w'omwera: n'amugamba nti Ggwe musajja wa Katonda eyava mu Yuda? N'ayogera nti Nze nzuuyo.
- 15 Awo n'amugamba nti Tuddeyo nange eka tulye ku mmere.
- 16 N'ayogera nti Siyiza kuddayo naawe newakubadde okuyingira naawe: so siiriire mmere so sinywere mazzi wamu naawe mu kifo kino:
- 17 kubanga nabuulirwa n'ekigambo kya Mukama nti Tolya ku mmere so tonywerayo mazzi so tokyuka nate okudda mu kkubo mw'ofulumidde.
- 18 Awo n'amugamba nti Nange ndi nnabbi nga ggwe bw'oli; era malayika aambye n'ekigambo kya Mukama nti Mukomyewo mu nnyumba yo alye ku mmere anywe amazzi. Naye ng'amulimba.
- 19 Awo n'addayo naye n'aliira ku mmere mu nnyumba ye n'anywa amazzi.
- 20 Awo olwatuuka nga batudde ku mmeeza ekigambo kya Mukama ne kimujjira nnabbi amukomezzaawo:
- 21 n'ayogerera waggulu eri omusajja wa Katonda eyava mu Yuda ng'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Kubanga ogaanyi okuwulira akamwa ka Mukama so tokutte kiragiwo Mukama Katonda wo ky'akulagidde,
- 22 naye n'okomawo, era oliiridde ku mmere n'onywera amazzi mu kifo ky'akugambyeko nti Toliirayo ku mmere so tonywa mazzi: omulambo gwo tegulituuka mu ntaana ya bajjajjaabo.
- 23 Awo olwatuuka bwe yamala okulya ku mmere era ng'anywedde n'ateeka amatandiiko ku ndogoyi ng'amuteekera nnabbi gw'akomezzaawo.
- 24 Awo ng'agenze empologoma n'emusanga mu kkubo n'emutta: omulambo gwe ne gusuulibwa mu kkubo, endogoyi n'eyimirira kumpi nagwo; era n'empologoma n'eyimirira kumpi n'omulambo.
- 25 Kale, laba, abantu ne bayitawo ne balaba omulambo nga gusuuliddwa mu kkubo n'empologoma ng'eyimiridde kumpi n'omulambo: ne bajja ne bakibuulira mu kibuga nnabbi omukadde mwe yabeeranga.
- 26 Awo nnabbi amukomezzaawo mu kkubo bwe yakiwulira, n'ayogera nti Ye musajja wa Katonda ataagondede kamwa ka Mukama: Mukama kyavudde amugabula eri empologoma emutaagudde n'emutta ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali ky'amugambye.
- 27 Awo n'agamba batabani be nti Munteekere amatandiiko ku ndogoyi. Ne bagiteekako amatandiiko.
- 28 N'agenda n'asanga omulambo gwe nga gusuuliddwa mu kkubo n'endogoyi n'empologoma nga ziyimiridde kumpi n'omulambo: empologoma nga teridde mulambo so nga tetaagudde ndogoyi.
- 29 Nnabbi n'asitula omulambo gw'omusajja wa Katonda n'aguteeka ku ndogoyi n'aguzzaayo: nnabbi omukadde n'akomawo mu kibuga okukungubaga n'okumuziika.
- 30 N'ateeka omulambo gwe mu ntaana ye ye; ne bamukungubagira nga boogera nti

Woowe, muganda wange!

- 31 Awo olwatuuka g'amaze okumuziika n'agamba batabani be nti Bwe ndimala okufa, munziikanga mu ntaana omusajja wa Katonda mw'aziikiddwa; muteekanga amagumba gange kumpi n'amagumba ge.
- 32 Kubanga ekigambo kye yayogerera waggulu olw'ekigambo kya Mukama ku kyoto ekiri mu Beseri ne ku nnyumba zonna ez'ebifo ebigulumivu ebiri mu bibuga eby'e Samaliya tekirirema kutuukirira.
- 33 Oluvannyuma lw'ekigambo ekyo Yerobowaamu n'atakyuka okuleka ekkubo lye ebbi, naye ne yeeyongerera nate okussaawo bakabona ab'ebifo ebigulumivu ng'abaggya ku bantu bonna: buli eyayagalanga, n'amwawulanga wabeerewo bakabona b'ebifo ebigulumivu.
- 34 N'ekigambo ekyo ne kifuuka ekibi eri ennyumba ya Yerobowaamu okugimalawo n'okugizikiriza okuva ku nsi yonna.

Essuula 14

- 1 Awo mu biro ebyo Abiya mutabani wa Yerobowaamu n'alwala.
- 2 Yerobowaamu n'agamba mukazi we nti Golokoka, nkwegayiridde weefuule oleme okumanyibwa nga ggwe mukazi wa Yerobowaamu: ogende e Siiro; laba, Akiya nnabbi ali eyo eyanjogerako nga ndiba kabaka w'abantu bano.
- 3 Era twala wamu naawe emigaati kkumi n'egy'empewere n'ensumbi ey'omubisi gw'enjuki, ogende gy'ali: ye alikubuulira omwana bw'aliba.
- 4 Awo muka Yerobowaamu n'akola bw'atyo, n'agolokoka n'agenda e Siiro n'ajja mu nnyumba ya Akiya. Era Akiya teyayinza kulaba; kubanga amaaso ge gaali gayimbadde olw'obukadde bwe.
- 5 Awo Mukama n'agamba Akiya nti Laba, muka Yerobowaamu ajja okukubuuza ebya mutabani we; kubanga alwadde: bw'oti bw'oti bw'onoomugamba: kubanga olu-naatuuka bw'anaayingira, aneefuula okuba omukazi omulala.
- 6 Awo olwatuuka Akiya bwe yawulira enswagirow z'ebigere bye ng'ayingira mu luggi, n'ayogera nti Yingira, ggwe muka Yerobowaamu; lwaki okwefuula okuba omulala? kubanga ntumiddwa gy'oli n'ebigambo ebizito.
- 7 Genda obuulire Yerobowaamu nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Kubanga nakugulumiza nga nkuggya mu bantu, ne nkufuula omukulu w'abantu bange Isiraeri,
- 8 ne njuza mu bwakabaka nga mbuggya ku nnyumba ya Dawudi ne mbukuwa ggwe: era naye tobadde ng'omuddu wange Dawudi eyakwatanga ebiragirow byange era eyangoberera n'omutima gwe gwonna okukola ekyo kyokka ekyali mu maaso gange ekirungi;
- 9 naye okoze ekibi okusinga bonna abaakusooka n'ogenda ne weekolera bakatonda abalala n'ebifaananyi ebisaanuuse okunsunguwaza, n'onsuula ennyuma w'amabega go:
- 10 kale, laba, kyendiva ndeeta ekibi ku nnyumba ya Yerobowaamu era ndimalawo buli mwana ow'obulenzi eri Yerobowaamu, asibiddwa era n'atasibiddwa mu Isiraeri, era ndyerera ddala ennyumba ya Yerobowaamu ng'omuntu bw'ayera obusa n'okuggwaawo ne buggwaawo bwonna.
- 11 Owa Yerobowaamu anaafiranga mu kibuga embwa zinaamulyanga; n'oyo anaafiranga ku ttale ennyonyi ez'omu bbanga zinaamulyanga: kubanga Mukama akyogedde.
- 12 Kale golokoka ogende mu nnyumba yo: ebigere byo bwe binaayingira mu kibuga, omwana anaafa.
- 13 Kale Isiraeri yenna balimukungubagira ne bamuziika; kubanga ku ba Yerobowaamu

oyo yekka ye alituuka mu ntaana: kubanga mu ye mulabise ekigambo ekirungi eri Mukama Katonda wa Isiraeri mu nnyumba ya Yerobowaamu.

- 14 Era nate Mukama alyeyimusiza kabaka wa Isiraeri alimalawo ennyumba ya Yerobowaamu ku lunaku olwo: naye njogedde ntya? kaakano kati.
- 15 Kubanga Mukama alikuba Isiraeri ng'ekitoogo bwe kinyeenyebwa mu mazzi; era alisimbula Isiraeri okubaggya mu nsi eno ennungi gye yawa bajjajjaabwe, era alibasaasaanyiza emitala w'Omugga; kubanga bakoze Baaseri baabwe, nga basunguwaza Mukama.
- 16 Era aliwaayo Isiraeri olw'ebibi bya Yerobowaamu bye yayonoona era bye yayonoonyesa Isiraeri.
- 17 Awo muka Yerobowaamu n'agolokoka n'agenda n'ajja e Tiruza: awo bwe yali ng'ajja ku mulyango gw'ennyumba, omwana n'afa.
- 18 Isiraeri yenna ne bamuziika ne bamukungubagira; ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogera n'omukono gw'omuddu we Akiya nnabbi.
- 19 N'ebikolwa ebirala byonna ebya Yerobowaamu bwe yalwana era bwe yafuga, laba, byawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri.
- 20 N'ennaku Yerobowaamu ze yafugira zaali emyaka abiri mu ebiri: ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, Nadabu mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 21 Awo Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani n'afuga mu Yuda. Lekobowaamu yali yaakamaze emyaka ana mu gumu bwe yalya obwakabaka, n'afugira emyaka kkumi na musanvu mu Yerusalemi, ekibuga Mukama kye yeeroboza mu bika byonna ebya Isiraeri okuteeka omwo erinnya lye: n'erinnya lya nnyina lyali Naama Omwamoni.
- 22 Yuda n'akola ekyali mu maaso ga Mukama ekibi; ne bamukwasa obuggya olw'ebibi byabwe bye baakola okusinga byonna bajjajjaabwe bye baakola.
- 23 Kubanga beezimbira nabo ebifo ebigulumivu nabo n'empagi ne Baaseri ku buli lusozi oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi;
- 24 era waaliwo n'abaalyanga ebisiyaga mu nsi: ne bakola ng'eby'emizizo byonna bwe byali eby'amawanga Mukama ge yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 25 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okutaano ogwa kabaka Lekobowaamu Sisaki kabaka w'e Misiri n'ayambuka okulumba Yerusalemi:
- 26 n'aggyayo eby'obugagga eby'omu nnyumba ya Mukama n'eby'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka; yatwalira ddala byonna: n'aggyayo engabo zonna eza zaabu Sulemaani ze yali akoze.
- 27 Awo kabaka Lekobowaamu n'akola engabo za bikomo okudda mu kifo kyazo, n'aziteresa mu mikono gy'abakulu b'ambabowa abaakuumanga oluggi lw'ennyumba ya kabaka.
- 28 Awo olwatuuka kabaka buli lwe yayingiranga mu nnyumba ya Mukama, abambowa ne bazambalanga ne bazizza mu nju ey'abambowa.
- 29 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Lekobowaamu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 30 Era waabangawo entalo eri Lekobowaamu ne Yerobowaamu ennaku zonna.
- 31 Lekobowaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi: ne nnyina erinnya lye lyali Naama Omwamoni. Abiyaamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 15

- 1 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogwa Yerobowaamu kabaka mutabani wa Nebati, Abiyaamu n'atanula okufuga Yuda.
- 2 Yafugira emyaka esatu mu Yerusalemi: ne nnyina erinnya lye lyali Maaka muwala wa Abisalomu.

- 3 N'atambulira mu bibi byonna ebya kitaawe bye yakola okumusooka: n'omutima gwe tegwatuukirira eri Mukama Katonda we ng'omutima gwa Dawudi kitaawe.
- 4 Era naye ku lwa Dawudi Mukama Katonda we n'amuwa ettabaaza mu Yerusalemi okuyimusa mutabani we oluvannyuma lwe n'okunyweza Yerusalemi:
- 5 kubanga Dawudi yakolanga ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi, n'atakyuka okuva mu kintu kyonna kye yamulagira ennaku zonna ez'obulamu bwe wabula mu kigambo kya Uliya Omukiiti.
- 6 Awo waabangawo entalo eri Lekobowaamu ne Yerobowaamu ennaku zonna ez'obulamu bwe.
- 7 N'ebikolwa ebirala byonna ebya Abiyaamu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda? Ne wabanga entalo eri Abiyaamu ne Yerobowaamu.
- 8 Abiyaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe: ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi: Asa mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 9 Awo mu mwaka ogw'amakumi abiri ogwa Yerobowaamu kabaka wa Isiraeri Asa n'atanula okufuga Yuda.
- 10 N'afugira emyaka ana mu gumu mu Yerusalemi: ne nnyina erinnya lye lyali Maaka muwala wa Abisalomu.
- 11 Asa n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga Dawudi kitaawe bwe yakola.
- 12 N'agoba abaalyanga ebisiyaga mu nsi, n'aggyawo ebifaananyi byonna bajjajjaabe bye baakola.
- 13 Era ne Maaka nnyina n'amugoba mu bwa nnamasole kubanga yali akoze ekifaananyi eky'omuzizo okuba Asera; Asa n'atema ekifaananyi kye n'akyokera ku kagga Kiduloni.
- 14 Naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo: naye omutima gwa Asa gwatuukirira eri Mukama ennaku ze zonna.
- 15 N'ayingiza mu nnyumba ya Mukama ebintu kitaawe bye yawonga n'ebintu bye yawonga ye yennyini, effeeza n'ezaabu n'ebintu.
- 16 Ne wabanga entalo eri Asa ne Baasa kabaka wa Isiraeri ennaku zaabwe zonna.
- 17 Awo Baasa kabaka wa Isiraeri n'atabaala Yuda, n'azimba Laama, obutaganya muntu kufuluma newakubadde okuyingira eri Asa kabaka wa Yuda.
- 18 Awo Asa n'addirira effeeza yonna n'ezaabu eyali esigadde mu by'obugagga eby'omu nnyumba ya Mukama n'eb'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka n'abikwasa mu mikono gy'abaddu be: kabaka Asa n'abiweereza Benikadadi mutabani wa Tabulimmoni mutabani wa Keziyoni kabaka w'e Busuuli eyabeeranga e Ddamasiko, ng'ayogera nti
- 19 Waliwo endagaano eri nze naawe, eri kitange ne kitaawo: laba, nkuweerezza ekirabo kya ffeeza n'ezaabu; genda omenye endagaano yo eri Baasa kabaka wa Isiraeri anveeko.
- 20 Awo Benikadadi n'awulira kabaka Asa, n'atuma abakulu b'eggye lye okulumba ebibuga bya Isiraeri, n'akuba Iyoni ne Ddaani ne Aberubsumaaka ne Kinnerosi yonna n'ensi yonna eya Nafutaali.
- 21 Awo olwatuuka Baasa bwe yakiwulira n'aleka okuzimba Laama n'abeeranga e Tiruza.
- 22 Awo kabaka Asa n'alangira Yuda yenna; tewali eyaggibwako; ne baggyawo amayinja ag'e Laama, n'emiti gyakyo, Baasa bye yazimba; kabaka Asa n'abizimbisa Geba eky'a Benyamini ne Mizupa.
- 23 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Asa n'amaanyi ge gonna ne byonna bye yakola n'ebibuga bye yazimba tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda? Naye mu kiseera eky'obukadde bwe n'alwala ebigere.

- 24 Asa ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi kitaawe: Yekosafaati mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 25 Awo Nadabu mutabani wa Yerobowaamu n'atanula okufuga Isiraeri mu mwaka ogw'okubiri ogwa Asa kabaka wa Yuda, n'afugira Isiraeri emyaka ebiri.
- 26 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi, n'atambulira mu kkubo lya kitaawe ne mu kyonoono kye kye yayonoonyesa Isiraeri.
- 27 Awo Baasa mutabani wa Akiya ow'omu nnyumba ya Isakaali n'amwekobaana; Baasa n'amukubira e Gibbesoni eky'Abafirisuuti; kubanga Nadabu ne Isiraeri yenna baali bazingizizza Gibbesoni.
- 28 Mu mwaka ogw'okusatu ogwa Asa kabaka wa Yuda Baasa mwe yamuttira, n'afuga mu kifo kye.
- 29 Awo olwatuuka amangu ago bwe yalya obwakabaka, n'atta ennyumba yonna eya Yerobowaamu; teyamulekera Yerobowaamu n'omu eyassa omukka okutuusa lwe yamuzikiriza; ng'ekigambo bwe kyali ekya Mukama kye yayogera n'omukono gw'omuddu we Akiya Omusiuro:
- 30 olw'ebibi bya Yerobowaamu bye yayonoona era bye yayonoonyesa Isiraeri; olw'okusunguwaza kwe kwe yasunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri.
- 31 Era ebikolwa ebirala byoana ebya Nadabu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 32 Ne wabanga entalo eri Asa ne Baasa kabaka wa Isiraeri ennaku zaabwe zonna.
- 33 Mu mwaka ogw'okusatu ogwa Asa kabaka wa Yuda Baasa mutabani wa Akiya n'atanula okufuga Isiraeri yenna e Tiruza, n'afugira emyaka amakumi abiri mu ena.
- 34 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi n'atambulira mu kkubo lya Yerobowaamu ne mu kwonoona kwe kwe yayonoonyesa Isiraeri.

Essuula 16

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kimujjira Yeeku mutabani wa Kanani ku Baasa nga kyogera
- 2 nti Kubanga nakugulumiza nga nkuggya mu nfuufu ne nkufuula omukulu w'abantu bange Isiraeri; naawe otambulidde mu kkubo lya Yerobowaamu n'oyonoonyesa abantu bange Isiraeri okunsunguwaza n'ebibi byabwe;
- 3 laba, ndiggirawo ddala Baasa n'ennyumba ye: era ndifuula ennyumba yo okufaanana ennyumba ya Yerobowaamu mutabani wa Nebati.
- 4 Owa Baasa anaafiiranga mu kibuga embwa zinaamulyanga; n'ow'oku babe anaafiiranga ku ttale ennyoni ez'omu bbanga zinaamulyanga.
- 5 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Baasa ne bye yakola n'amaanyi ge tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 6 Baasa ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa e Tiruza: Era mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 7 Era nate ekigambo kya Mukama ne kijja ku Baasa mu mukono gwa nnabbi Yeeku mutabani wa Kanani ne ku nnyumba ye olw'ebibi byonna bye yakola mu maaso ga Mukama okumusunguwaza n'omulimu gw'emikono gye ng'afaanana ennyumba ya Yerobowaamu era kubanga yamukuba.
- 8 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu mukaaga ogwa Asa kabaka wa Yuda Era mutabani wa Baasa n'atanula okufugira Isiraeri e Tiruza n'afugira emyaka ebiri.
- 9 Awo omuddu we Zimuli omukulu w'ekitundu ky'amagaali ge n'amwekobaana: era yali ali e Tiruza ng'anywa omwenge ng'atamiirira mu nnyumba ya Aluza eyali saabakaaki mu Tiruza:
- 10 Zimuli n'ayingira n'amufumita n'amutta mu mwaka ogw'amakumi abiri mu musanvu

ogwa Asa kabaka wa Yuda, n'afuga mu kifo kye.

- 11 Awo olwatuuka bwe yatanula okufuga, nga kyajje atuule ku ntebe ye, awo n'atta ennyumba yonna eya Baasa: teyamusigaliza mwana wa bulenzi, newakubadde ku nda ze newakubadde ku mikwano gye.
- 12 Bw'atyo Zimuli bwe yazikiriza ennyumba yonna eya Baasa ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogera ku Baasa mu Yeeku nnabbi,
- 13 olw'ebibi byonna ebya Baasa, n'ebibi bya Era mutabani we bye bayonoona era bye bayonoonyesa Isiraeri, okusunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri n'ebirerya byabwe.
- 14 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Era ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 15 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu musanvu ogwa Asa kabaka wa Yuda Zimuli n'afugira ennaku musanvu e Tiruza. Era abantu baali basiisidde okulwana ne Gibbesoni eky'Abafirisuuti.
- 16 Awo abantu abaali basiisidde ne bawulira nga boogera nti Zimula yeekobaanye era asse kabaka: Isiraeri yenna kyebaava bafuula Omuli omukulu w'eggye okuba kabaka wa Isiraeri ku lunaku olwo mu lusiisira.
- 17 Omuli n'ayambuka ng'ava e Gibbesoni ne Isiraeri yenna wamu naye, ne bazingiza Tiruza.
- 18 Awo olwatuuka Zimuli bwe yalaba ng'ekibuga kimenyeddw, n'ayingira mu kifo eky'ennyumba ya kabaka, ne yeeyokerera n'omuliro mu nnyumba ya kabaka n'afa,
- 19 olw'ebibi bye bye yayonoona ng'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi ng'atambulira mu kkubo lya Yerobowaamu ne mu kibi kye kye yakola okwonoonyesa Isiraeri.
- 20 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Zimuli n'obujeemu bwe bwe yajeema tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 21 Awo abantu ba Isiraeri ne baawulibwamu ebibiina bibiri: ekitundu ky'abantu nga bagoberera Tibuni mutabani wa Ginasi okumufuula kabaka; n'ekitundu nga bagoberera Omuli.
- 22 Naye abantu abaagoberera Omuli ne basinga abantu abaagoberera Tibuni mutabani wa Ginasi: awo Tibuni n'afa, Omuli n'alya obwakabaka.
- 23 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu gumu ogwa Asa kabaka wa Yuda Omuli n'atanula okufuga Isiraeri n'afugira emyaka kkumi n'ebiri: yafugira emyaka mukaaga e Tiruza.
- 24 N'agula olusozi Samaliya eri Semeri ne talanta bbiri za ffeeza; n'azimba ku lusozi n'atuuma ekibuga kye yazimba erinnya ng'erinnya bwe lyali erya Semeri nnyini lusozi Samaliya.
- 25 Omuli n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi n'agira ekyejo okusinga bonna abaamusooka.
- 26 Kubanga yatambulira mu kkubo lyonna erya Yerobowaamu mutabani wa Nebati ne mu bibi bye bye yayonoonyesa Isiraeri okusunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri n'ebirerya byabwe.
- 27 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Omuli bye yakola n'amaanyi ge ge yalaga tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 28 Awo Omuli ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu Samaliya: Akabu mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 29 Awo mu mwaka ogw'amakumi asatu mu munaana ogwa Asa kabaka wa Yuda Akabu mutabani wa Omuli n'atanula okufuga Isiraeri: Akabu mutabani wa Omuli n'afugira Isiraeri mu Samaliya emyaka amakumi abiri mu ebiri.
- 30 Era Akabu mutabani wa Imuli n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi okusinga bonna abaamusooka.
- 31 Awo olwatuuka, ng'akiyita kigambo kitono okutambulira mu bibi bya Yerobowaamu

mutabani wa Nebati, n'awasa Yezeberi muwala wa Esubaali kabaka w'Abasidoni, n'agenda n'aweereza Baali n'amusinza.

- 32 Era yasimbira Baali ekyoto mu ssabo lya Baali lye yazimba mu Samaliya.
- 33 Akabu n'akola Baaseri; Akabu ne yeeyongera nate okukola eby'okusunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri okusinga bakabaka bonna aba Isiraeri abaamusooka.
- 34 Ku mirembe gye Kyeri Omubeseri n'azimba Yeriko: yassaawo emisingi gyakyo n'okufirwa Abiraamu omubereberye we, n'asimba enzigi zaakyo n'okufirwa mutabani we omuto Segubi, ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogera n'omukono gwa Yoswa mutabani wa Nuni.

Essuula 17

- 1 Awo Eriya Omutisubi, eyali ku abo abaatuula e Gireyaadi, n'agamba Akabu nti Mukama Katonda wa Isiraeri nga bw'ali omulamu gwe nnyimiririra mu maaso ge, tewaabenga musulo newakubadde enkuba mu myaka gino, wabula ng'ekigambo kyange bwe kiri.
- 2 Awo ekigambo kya Mukama ne kimujjira nga kyogera nti
- 3 Va wano okyuke ogende ebuwanjuba weekweke awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani.
- 4 Awo olulituuka onoonyweranga mu kagga; era ndagidde bannamuona okukuliisiza eyo.
- 5 Awo n'agenda n'akola ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali: kubanga yagenda n'abeera awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani.
- 6 Awo bannamuona ne bamuleeteranga emmere n'ennyama enkya, n'emmere n'ennyama akawungeezi; n'anywanga mu kagga.
- 7 Awo olwatuuka ddaaki akagga ne kakala olw'obutaba nkuba mu nsi.
- 8 Awo ekigambo kya Mukama ne kimujjira nga kyogera nti
- 9 Golokoka ogende e Zalefaasi ekya Sidoni, obeere eyo: laba, ndagidde omukazi nnamwandu ali eyo okukuliisanga.
- 10 Awo n'agolokoka n'agenda e Zalefaasi: awo bwe yatuuka ku wankaaki w'ekibuga, laba, omukazi nnamwandu ng'ali eyo ng'alonda enku: n'amuyita n'ayogera nti Nkwegayiridde, nkimira otuzzi mu kibya, nnywe.
- 11 Awo ng'agenda okugakima, n'amuyita n'ayogera nti Nkwegayiridde, ndeetera akamere mu mukono gwo.
- 12 N'ayogera nti Nga Mukama Katonda wo bw'ali omulamu, sirina mugaati, wabula olubatu lw'obutta mu ppiya n'otufuta mu kasumbi: era, laba, nsennya enku bbiri nnyingire neefumbire nze n'omwana wange, tubulye tufe.
- 13 Awo Eriya n'amugamba nti Totya; genda okole nga bw'oyogedde: naye sooka obunfumbiremu akagaati, okaleete gye ndi, oluvannyuma weefumbire wekka n'omwana wo.
- 14 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Eppipa ey'obutta terikendeera so n'akasumbi k'amafuta tekalgwaawo, okutuusa ku lunaku Mukama lw'alitonyesa enkuba ku nsi.
- 15 Awo n'agenda n'akola nga Eriya bw'ayogedde: omukazi naye n'ennyumba ye ne baliira ennaku nnyingi.
- 16 Eppipa ey'obutta teyakendeera so n'akasumbi k'amafuta tekaggwaawo ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogerera mu Eriya.
- 17 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo omwana w'omukazi oyo nnyini nnyumba n'alwala; n'endwadde ye n'enyiikira bw'eti n'atabaamu nate na mukka.
- 18 Awo n'agamba Eriya nti Nfaayo ki eri ggwe, ggwe omusajja wa Katonda? wajja gye

ndi okunjijukiza ekibi kyange n'okutta omwana wange!

- 19 N'amugamba nti Mpa omwana wo. N'amuggya mu kifuba kye n'amusitula n'amulinnyisa mu nju gye yabeerangamu n'amuteeka ku kitanda kye ye.
- 20 N'akaabira Mukama, n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wange, oleese ekibi ne ku nnamwandu ansuza ng'otta omwana we?
- 21 Ne yeegolola ku mwana emirundi esatu, z'akaabira Mukama n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wange, nkwegayiridde, obulamu bw'omwana ono bumuddemu nate.
- 22 Mukama n'awulira eddoozi lya Eriya; obulamu bw'omwana ne bumuddamu nate, n'alama.
- 23 Awo Eriya n'addira omwana n'amuserengesa ng'amuggya mu kisenge n'amuleeta mu nnyumba n'amuwa nnyina: Eriya n'ayogera nti Laba, omwana wo mulamu.
- 24 Awo omukazi n'agamba Eriya nti Kaakano mmanyi ng'oli musajja wa Katonda, era ng'ekigambo kya Mukama mu kamwa ko ge mazima.

Essuula 18

- 1 Awo olwatuuka ennaku nnyingi bwe zaayitawo, ekigambo kya Mukama ne kimujjira Eriya mu mwaka ogw'okusatu nga kyogera nti Genda weerage eri Akabu; nange nditonnyesa enkuba ku nsi.
- 2 Awo Eriya n'agenda okweraga eri Akabu. Era enjala ng'enyiikidde nnyo mu Samaliya.
- 3 Awo Akabu n'ayita Obadiya eyali saabakaaki. (Era Obadiya yatya nnyo Mukama:
- 4 kubanga olwatuuka Yezeberi bwe yamalawo bannabbi ba Mukama, Obadiya n'addira bannabbi kikumi n'abakweka mu mpuku ataano ataano, n'abaliisanga n'emigaati n'amazzi.)
- 5 Awo Akabu n'agamba Obadiya nti Genda obune ensi eri enzizi zonna ez'amazzi n'eri obugga bwonna: mpozzi tuliraba omuddo netuwonya embalaasi n'ennyumbu okufa tuleme okufirwa ensolo zonna.
- 6 Awo ne bagabana ensi bombi okugibuna: Akabu ng'akwata ekkubo lye ye, ne Obadiya ng'akwata ekkubo lye ye.
- 7 Awo Obadiya ng'ali mu kkubo, laba, Eriya n'amusanga: n'amumanya n'avuunama amaaso ge n'ayogera nti Ggwe wuuno, mukama wange Eriya?
- 8 N'amuddamu nti Nze nzuuno: genda obuulire mukama wo nti Laba, Eriya ali wano.
- 9 N'ayogera nti Nnyonoonye mu ki, n'oyagala okuwaayo omuddu wo mu mukono gwa Akabu okunzita?
- 10 Nga Mukama Katonda wo bw'ali omulamu, tewali ggwanga newakubadde obwakabaka mukama wange gy'ataatuma okukunoonya: awo bwe baayogeranga nti Tali wano, n'alayiza obwakabaka obwo n'eggwanga nga tebakulabye.
- 11 Kale kaakano oyogedde nti Genda obuulire mukama wo nti Laba, Eriya ali wano.
- 12 Kale olulituuka nga kyenjije nkuveeko kale omwoyo gwa Mukama gunaakutwala gye simanyi; kale bwe ndituuka ne mbuulira Akabu n'atayinza kukulaba, alinzita: naye nze omuddu wo ntya Mukama okuva mu buto bwange.
- 13 Tekibuulirwanga mukama wange kye nnakola, Yezeberi bwe yatta banaabbi ba Mukama, bwe nnakweka abasajja kikumi ku bannabbi ba Mukama mu mpuku ataano ataano, ne mbaliisa emigaati n'amazzi?
- 14 Kale kaakano oyogedde nti Genda obuulire mukama wo nti Laba, Eriya aliwano: kale ananzita.
- 15 Awo Eriya n'ayogera nti Nga Mukama ow'eggye bw'ali omulamu, gwe nnyimiririra mu maaso ge, siireme kweraga eri ye leero.

- 16 Awo Obadiya n'agenda okusisinkana Akabu n'amubuulira: Akabu n'agenda okusisinkana Eriya.
- 17 Awo olwatuuka Akabu bwe yalaba Eriya Akabu n'amugamba nti Ggwe wuuno, ggwe ateganya Isiraeri?
- 18 N'addamu nti Nze sinnateganya Isiraeri; naye ggwe n'ennyumba ya kitaawo, kubanga mwaleka ebiragiro bya Mukama, n'ogoberera Babaali.
- 19 Kale nno tuma okuaanyize gye ndi Isiraeri yenna ku lusozi Kalumeeri ne bannabbi ba Baali ebikumi bina mu ataano ne bannabbi ba Baaseri ebikumi bina abalya ku mmeeza ya Yezeberi.
- 20 Awo Akabu n'atumira abaana ba Isiraeri bonna n'akuaanyiza bannabbi ku lusozi Kalumeeri.
- 21 Awo Eriya n'asemberera abantu bonna, n'ayogera nti Mulituusa wa okutta aga n'aga nga mulwooza wabiri? Mukama oba ye Katonda, mumugoberere: naye oba Baali, kale mumugoberere ye. Abantu ne batamuddamu kigambo.
- 22 Awo Eriya n'agamba abantu nti Nze nzekka nze nsigaddewo nnabbi wa Mukama; naye bannabbi ba Baali abasajja ebikumi bina mu ataano.
- 23 Kale batuwe ente bbiri; beeroboze eate emu okuba eyaabwe, bagitemeete, bagiteeke ku nku, so tebateeka muliro wansi: nange naalongoosa ente ey'okubiri, ne ngiteeka ku nku, ne siteeka muliro wansi.
- 24 Kale mmwe mukaabirire erinnya lya katonda wammwe, nange naakaabirira erinnya lya Mukama: kale Katonda anaddamu n'omuliro oyo abe Katonda. Awo abantu ne baddamu ne boogera nti Oyogedde bulungi.
- 25 Awo Eriya n'agamba bannabbi ba Baali nti Mweroboze ente emu okuba eyammwe, musooke okugirongoosa; kubanga muli bangi; mukaabirire erinnya lya katonda wammwe, naye temuteeka muliro wansi.
- 26 Ne baddira ente gye baaweebwa, ne bagirongoosa, ne bakaabirira erinnya lya Baali okuva enkya okutuusa ettuntu, nga boogera nti Ai Baali, tuwulire. Naye ne wataba ddooboozi newakubadde addamu n'omu. Ne babuuka awali ekyoto ekyakolebwa.
- 27 Awo olwatuuka mu ttuntu Eriya n'abaduulira n'ayogera nti Mwogerere waggulu: kubanga katonda; oba afumiitiriza oba akyamyeye oba ali mu lugendo oba mpozzi yeebase, kigwanidde okumuzuukusa.
- 28 Ne boogerera waggulu ne beesala n'obwambe n'amafumu ng'engeri yaabwe bwe yali okutuusa omusaayi lwe gwakulukutira ku bo.
- 29 Awo olwatuuka ettuntu bwe lyali limenyese, ne balagula okutuusa ekiseera eky'okuwaayo ekitone eky'akawungeezi; naye ne wataba ddooboozi newakubadde addamu n'omu newakubadde assaayo omwoyo.
- 30 Awo Eriya n'agamba abantu bonna nti Munseemberere; abantu bonna ne bamusemberera. N'addaibiriza ekyoto kya Mukama ekyali kisuuliddwa.
- 31 Awo Eriya n'addirira amayinja kkumi n'abiri ng'omuwendo bwe guli ogw'ebika by'abaana ba Yakobo eyajjirwa ekigambo kya Mukama nga kyogera nti Isiraeri lye linaabanga erinnya lyo.
- 32 N'azimba amayinja okuba ekyoto mu linnya lya Mukama, n'asima olusalosalalo okwe-tooloola ekyoto, obunene bwa lwo olugyamu ebigerero bibiri eby'ensigo.
- 33 N'atindikira enku, n'atemaatema ente, n'agiteeka ku nku. N'ayogera nti mujjuze amapipa ana amazzi, mugafuke ku kiweebwayo ekyokebwa ne ku nku.
- 34 Awo n'ayogera nti Mukole bwe mutyo omulundi ogw'okubiri; ne bakola bwe batyo omulundi ogw'okubiri. N'ayogera nti Mukole bwe mutyo omulundi ogw'okusatu; ne bakola bwe batyo omulundi ogw'okusatu.
- 35 Amazzi ne gakulukuta okwe-tooloola ekyoto; n'ajjuza n'olusalosalalo amazzi.
- 36 Awo olwatuuka mu kiseera eky'okuwaayo ekitone eky'akawungeezi Eriya nnabbi

n'asembera n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka ne Isiraeri, kitegeerebwe leero nga ggwe Katonda mu Isiraeri, era nga nze ndi muddu wo, era nga nkoze bino byonna lwa kigambo kyo.

- 37 Mpulira, ai Mukama, mpulira, abantu bano bamanye nga ggwe, Mukama, ggwe Katonda, era ng'okuyisizza emitima gyabwe okuddayo.
- 38 Awo omuliro gwa Mukama ne gugwa ne gwokya ekiweebwayo ekyokebwa n'enku n'amayinja n'enfuufu, ne gukombera ddala amazzi agaali mu lusalosalu.
- 39 Awo abantu bonna bwe baakiraba ne bavunama amaaso gaabwe: ne boogera nti Mukama ye Katonda; Mukama ye Katonda.
- 40 Awo Eriya n'abagamba nti Mukwate bannabbi ba Baali: waleme okuwona n'omu. Ne babakwata: Eriya n'abaserengesa eri akagga Kisoni n'abattira eyo.
- 41 Awo Eriya n'agamba Akabu nti Golokoka olye onywe; kubanga waliwo okuwuuma kw'enkuba nnyingi.
- 42 Awo Akabu n'agolokoka okulya n'okunywa. Eriya n'alinnya ku ntikko y'e Kalumeeri; n'avuunama ku ttaka, n'ateeka amaaso ge wakati w'amaviivi ge.
- 43 N'agamba omuddu we nti Yambuka nno olengere awali ennyanja. N'alinnya n'alengera n'ayogera nti Tewali kintu. N'ayogera nti Genda nate emirundi musanvu.
- 44 Awo olwatuuka omulundi ogw'omusanvu, n'ayogera nti Laba, ekire kirinnya nga kiva mu nnyanja ekiri ng'omukono gw'omuntu obutono. N'ayogera nti Yambuka ogambe Akabu nti Teekateeka eggaali lyo, oserengete, enkuba ereme okukuziyiza.
- 45 Awo olwatuuka ekiseera kitono bwe kyayitawo, eggulu ne libindabinda ebire n'embuyaga, ne waba enkuba nnyingi. Akabu n'alinnya mu ggaali n'agenda e Yezuleeri.
- 46 Omukono gwa Mukama ne guba ku Eriya; ne yeesiba ekimyu n'addukira mu maaso ga Akabu okutuusa awayingirirwa e Yezuleeri.

Essuula 19

- 1 Awo Akabu n'abuulira Yezeberi byonna Eriya bye yakola era bwe yatta bannabbi bonna n'ekitala.
- 2 Awo Yezeberi n'atumira Eriya omubaka ng'ayogera nti Bakatonda bankole bwe batyo n'okukirawo, bwe sirifuula obulamu bwo okuba ng'obulamu bw'omu ku bo enkya bwe buliba nga kampegaano.
- 3 Awo bwe yalaba ekyo n'agolokoka n'agenda olw'obulamu bwe, n'ajja e Beeruseba ekya Yuda, n'alekayo omuddu we.
- 4 Naye ye yennyini n'atambula olugendo olw'olunaku lumu mu ddungu, n'ajja n'atuula wansi w'omwoloola: ne yeesabira okufa; n'ayogera nti Kinaamala; kaakano, ai Mukama, nziyaako obulamu bwange; kubanga sisinga bajjajjange obulungi.
- 5 N'agalamira ne yeebaka wansi w'omwoloola; kale, laba malayika n'amukomako, n'amugamba nti Golokoka olye.
- 6 N'atunula, kale, laba, omugaati nga guli awali omutwe gwe ogwokeddwa ku manda n'akasumbi ak'amazzi. N'alya n'anywa n'agalamira nate.
- 7 Malayika wa Mukama n'ajja nate omulundi ogw'okubiri n'amukomako n'ayogera nti Golokoka olye; kubanga olugendo lukuyinze obunene.
- 8 N'agolokoka n'alya n'anywa, n'atambula mu maanyi ag'emmere eyo ennaku amakumi ana emisana n'ekiro n'atuuka e Kolebu olusozi lwa Katonda.
- 9 N'atuukayo n'ayingira mu mpuku, n'asula omwo; kale, laba, ekigambo kya Mukama ne kimujjira, n'amugamba nti Okola ki wano, Eriya?
- 10 N'ayogera nti Nkwatiddwa obuggya bungi ku lwa Mukama Katonda ow'eggye; kubanga abaana ba Isiraeri balese endagaano yo, basudde ebyoto byo, era basse

bannabbi bo n'ekitala: nange, nze nzekka, nze nsigaddewo; n'obulamu bwange babunoonya okubuggyawo.

- 11 N'ayogera nti Fuluma oyimirire ku lusozi mu maaso ga Mukama. Kale, laba, Mukama n'ayitawo, embuyaga nnyingi ez'amaanyi ne zimenya ensozi ne zaasa enjazi mu maaso ga Mukama; naye Mukama nga tali mu mbuyaga: awo oluvannyuma lw'embuyaga kikankano kya nsi; naye Mukama nga tali mu kikankano ky'ensi:
- 12 awo oluvannyuma lw'ekikankano muliro; naye Mukama nga tali mu muliro: awo oluvannyuma lw'omuliro ddoobozi ttono lya ggonjebwa.
- 13 Awo olwatuuka Eriya bwe yaliwulira, ne yeebikka amaaso ge mu munagirowo, n'afulumu n'ayimirira mu mulyango gw'empuku. Kale, laba, ne wamujjira eddoobozi, ne lyogera nti Okola ki wano, Eriya?
- 14 N'ayogera nti Nkwatiddwa obuggya bungi ku lwa Mukama Katonda ow'eggye; kubanga abaana ba Isiraeri balese endagaano yo; basudde ebyoto byo, era basse bannabbi bo n'ekitala; nange, nze nzekka, nze nsigaddewo; n'obulamu bwange babunoonya okubuggyawo.
- 15 Awo Mukama n'amugamba nti Genda oddeyo mu kkubo lyo eri eddungu ery'e Ddamasiko: kale bw'olituuka ofukanga amafuta ku Kazayeeri okuba kabaka w'e Busuuli:
- 16 ne Yeeku mutabani wa Nimusi omufukangako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri: ne Erisa mutabani wa Safati ow'e Aberumekola omufukangako amafuta okuba nnabbi mu kifo kyo.
- 17 Awo olulituuka oyo anaawonanga ekitala kya Kazayeeri Yeeku anamuttanga: n'oyo anaawonanga ekitala kya Yeeku Erisa anaamuttanga.
- 18 Era naye ndyesigaliza akasanvu mu Isiraeri amaviivi gonna agatafukaamiriranga Baali na buli kamwa akatamunywegeranga.
- 19 Awo n'avaayo n'asanga Erisa mutabani wa Safati eyali ng'alima ng'alina mu maaso ge emigogo gy'ente kkumi n'ebiri, ye ng'alina ogw'ekkumi n'ebiri: awo Eriya n'asomoka okugenda gy'ali n'amusuulako omunagirowo gwe.
- 20 Awo n'aleka ente, n'adduka mbiro okugoberera Eriya, n'ayogera nti Nkwegayiridde, ka mmale okunywegera kitange ne mmange, ndyoke nkugoberere. N'amugamba nti Ddayo; kubanga nkukoze ki?
- 21 N'addayo n'atamugoberera n'addira omugogo gw'ente n'azitta, n'afumba ennyama yaazo n'ebintu eby'ente, n'agabira abantu ne balya. Awo n'agolokoka n'agoberera Eriya n'amuweereza.

Essuula 20

- 1 Awo Benikadadi kabaka w'e Busuuli n'akuaanya eggwe lye lyonna: ne waba wamu naye bakabaka amakumi asatu mu babiri n'embalassi n'amagaali: n'ayambuka n'azingiza Samaliya n'alwana nakyo.
- 2 N'atumira Akabu kabaka wa Isiraeri ababaka mu kibuga, n'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Benikadadi nti
- 3 Effeeza yo n'ezaabu yo yange; ne bakazi bo nabo n'abaana bo, abasinga obulungi, bange.
- 4 Awo kabaka wa Isiraeri n'addamu n'ayogera nti Kiri ng'ekigambo kyo, mukama wange, ai kabaka; nze wuwo ne byonna bye nnina.
- 5 Awo ababaka ne bakomawo ne boogera nti Bw'atyo bw'ayogera Benikadadi nti Okutuma nakutumira nga njogera nti Oliwaayo gye ndi effeeza yo n'ezaabu yo ne bakazi bo n'abaana bo;
- 6 naye ndikutumira abaddu bange enkya bwe buliba nga kampegaano, kale balikebera

- ennyumba yo n'ennyumba z'abaddu bo; awo olulituuka kyonna kyonna ekisanyusa amaaso go balikiteeka mu mukono gwabwe ne bakitwala.
- 7 Awo kabaka wa Isiraeri n'ayita abakadde bonna ab'ensi, n'ayogera nti Mutegeere, mbeegayiridde, mulabe omusajja ono bw'alina ky'atwagaza: kubanga yantumira olw'abakazi bange n'abaana bange n'effeeza yange ne zaabu yange; ne simumma.
 - 8 Awo abakadde bonna n'abantu bonna ne bamugamba nti Towulira so tokkiriza.
 - 9 Kyeyava agamba ababaka ba Benikadadi nti Gamba mukama wange kabaka nti Byonna bye wasookerako okutumira omuddu wo ndibikola: naye kino siyinza kukikola. Ababaka ne bagenda ne bamuddiza ebigambo.
 - 10 Awo Benikadadi n'amutumira n'ayogera nti Bakatonda bankole bwe batyo n'okukirawo, enfuufu ey'e Samaliya bw'eribuna abantu bonna abangoberera okuba embatu.
 - 11 Awo kabaka wa Isiraeri n'addamu n'ayogera nti Mumugambe nti Eyeesiba ebyokulwanyisa bye aleme okwenyumiriza ng'oyo abyesumulula.
 - 12 Awo olwatuuka Benikadadi bwe yawulira ekigambo ekyo, bwe yali ng'anywera, ye ne bakabaka abo, mu weema, n'agamba abaddu be nti Musimbe ennyiriri. Ne basimba ennyiriri okulwana n'ekibuga.
 - 13 Kale, laba, nnabbi n'asemberera Akabu kabaka wa Isiraeri, n'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Olabye ekibiina kino kyonna ekinene? laba, naakigabula mu mukono gwo leero; naawe onoomanya nga nze Mukama.
 - 14 Akabu n'ayogera nti Eri ani? N'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Eri abalenzi ab'abakulu b'amasaza. Awo n'ayogera nti Ani anaasooka okulwana? N'addamu nti Ggwe.
 - 15 Awo n'ayolesa abalenzi ab'abakulu b'amasaza, ne baba ebikumi bibiri mu asatu mu babiri: awo oluvannyuma lwabwe n'ayolesa abantu bonna, abaana ba Isiraeri bonna, ke kasanvu.
 - 16 Awo ne batabaala mu ttuntu. Naye Benikadadi yali ng'ali mu weema ng'anywa omwenge ng'atamiira, ye ne bakabaka, bakabaka amakumi asatu mu babiri abaa-mubeera.
 - 17 Awo abalenzi ab'abakulu b'amasaza be baasooka okutabaala; Benikadadi n'atuma, ne bamubuulira nti Waliwo abasaja abafulumye mu Samaliya.
 - 18 N'ayogera nti Ne bwe baba bafulumidde mirembe, mubawambe; ne bwe baba bafulumidde bulwa, mubawambe.
 - 19 Awo abo ne bafuluma mu kibuga, abalenzi ab'abakulu b'amasaza, n'eggye eryabagoberera.
 - 20 Ne batta buli muntu musajja we; Abasuuli ne badduka, Isiraeri ne babagoberera: Benikadadi kabaka w'e Busuuli n'awonera ku mbalaasi wamu n'abeebagala embalaasi.
 - 21 Awo kabaka wa Isiraeri n'afuluma n'akuba embalaasi n'amagaali, n'atta Abasuuli olutta lunene.
 - 22 Awo nnabbi n'asemberera kabaka wa Isiraeri n'amugamba nti Genda oddemu amaanyi weetegereze olabe by'onookola: kubanga omwaka bwe gulidda kabaka w'e Busuuli alikutabaala.
 - 23 Awo abaddu ba kabaka w'e Busuuli ne bamugamba nti Katonda waabwe katonda wa ku nsozi; kyebaava batusinga amaanyi: naye tulwanire nabo mu lusenyi, kale tetulirema kubasinga bo amaanyi.
 - 24 Era kola kino; ggyawo bakabaka buli muntu mu kifo kye, ossewo mu kifo kyabwe abaami:
 - 25 era weebalire eggye erifaanana eggye lye wafirwa, embalaasi okudda mu kifo ky'embalaasi, n'eggaali okudda mu kifo ky'eggaali: kale tulirwanira nabo mu lusenyi, era tetulirema kubasinga amaanyi. Awo n'awulira eddoozi lyabwe n'akola bw'atyo.

- 26 Awo olwatuuka omwaka bwe gwadda Benikadadi n'ayolesa Abasuuli n'ayambuka n'agenda e Afeki okulwana ne Isiraeri.
- 27 Awo abaana ba Isiraeri ne bayolesebwa ne baweebwa entanda yaabwe, ne babatabaala: awo abaana ba Isiraeri ne basiisira okuboolekera nga bafaanana ebisibo bibiri ebitono eby'abaana b'embuzi: naye Abasuuli ne babuna ensi.
- 28 Awo omusajja wa Katonda n'asembera n'agamba kabaka wa Isiraeri n'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Kubanga Abasuuli boogedde nti Mukama katonda wa ku nsozi, naye si katonda wa mu biwonvu; kyendiva ngabula mu mukono gwo ekibiina kino kyonna ekinene, nammwe mulimanya nga nze Mukama.
- 29 Awo ne basiisira nga basulaganako ne bamala ennaku musanvu. Awo olwatuuka ku lunaku olw'omusanvu ne balumbagana; abaana ba Isiraeri ne batta ku Basuuli abasajja abatambula n'ebigere kasiriivu ku lunaku lumu.
- 30 Naye abalala ne baddukira e Afeki mu kibuga; awo bbugwe n'agwa ku basajja obukumi bubiri mu kasanvu abasigalawo. Ne Benikadadi n'adduka n'atuuka mu kibuga mu kisenge eky'omunda.
- 31 Abaddu be ne bamugamba nti Laba nno, tuwulidde nga bakabaka b'ennyumba ya Isiraeri bakabaka ba kisa: tukwegayiridde, twambale ebibukutu mu biwato n'emigwa ku mitwe gyaffe, tufulume eri kabaka wa Isiraeri: mpozzi anaawonya obulamu bwo.
- 32 Awo ne beesiba ebibukutu mu biwato ne batikkira emigwa ku mitwe, ne bajja eri kabaka wa Isiraeri, ne boogera nti Omuddu wo Benikadadi ayogera nti Nkwegayiridde, mbeere omulamu. N'ayogera nti Akyali mulamu? ye muganda wange.
- 33 Awo abasajja ne balabirira nnyo ne banguwa okwetegereza oba nga bw'ayagala bw'atyo; ne boogera nti Muganda wo Benikadadi. Awo n'ayogera nti Mugende mumuleete. Awo Benikadadi n'afuluma n'ajja gy'ali; n'amulinnyisa mu ggaali.
- 34 Awo Benikadadi n'amugamba nti Ebibuga kitange bye yaggya ku kitaawo nze ndibiz-zaayo; era olyerimira enguudo mu Ddamasiko, nga kitange bwe yeerimira mu Samaliya. Nange, bwe yayogera Akabu, naakuta ne ndagaano eno. Awo n'alagaana naye endagaano n'amuta.
- 35 Awo omusajja omu ow'oku baana ba bannabbi n'agamba munne olw'ekigambo kya Mukama nti Nfumita, nkwegayiridde. Omusajja n'agaana okumufumita.
- 36 Awo n'amugamba nti Kubanga towulidde ddooboozi lya Mukama, laba, bw'onooba nga kyojje onveeko, empologoma eneekutta. Awo bwe yali nga kyajje amuveeko, empologoma n'emusanga n'emutta.
- 37 Awo n'asanga omusajja omulala, n'ayogera nti Nfumita, nkwegayiridde. Omusajja n'amufumita ng'amufumita ekiwundu.
- 38 Awo nnabbi n'agenda n'alindirira kabaka mu kkubo, ne yeefuula ng'abisse ekiremba kye ku maaso ge.
- 39 Awo kabaka bwe yali ayitawo, n'akaabirira kabaka: n'ayogera nti Omuddu wo yafuluma wakati mu lutalo; kale, laba, omusajja n'akyama n'andeetera omusajja n'ayogera nti Kuuma omusajja ono: okubula bw'aliba ng'abuze, kale obulamu bwo buliba mu kifo ky'obulamu bwe, oba oliriwa talanta ey'effeeza.
- 40 Awo omuddu wo bwe yali ng'atawaana eruuyi n'eruyi, ng'agenze. Awo kabaka wa Isiraeri n'amugamba nti Era bwe gutyo bwe gunaaba omusango gwo; ggwe ogusaze ggwe kennyini.
- 41 Awo n'ayanguwa n'aggya ekiremba ku maaso ge; kabaka wa Isiraeri n'amutegeera nga wa ku bannabbi.
- 42 N'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Kubanga wata omusajja ow'ekiwe gye ndi okuva mu mukono gwo, obulamu bwo kyebuliva bubeera mu kifo ky'obulamu bwe, n'abantu bo baliba mu kifo ky'abantu be.
- 43 Awo kabaka wa Isiraeri n'agenda mu nnyumba ye, ng'anyiikadde era ng'anyiize,

n'ajja e Samaliya.

Essuula 21

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Nabosi Omuyezuleeri yalina olusuku olw'emizabbibu olwali mu Yezuleeri kumpi n'olubiri lwa Akabu kabaka w'e Samaliya.
- 2 Awo Akabu n'agamba Nabosi nti Mpa olusuku lwo olw'emizabbibu mbeere nalwo okuba olusuku lw'enva, kubanga luli kumpi n'ennyumba yange; nange ndikuwa mu kifo kyalwo olusuku olw'emizabbibu olusinga obulungi: oba bw'onoosiima, ndikuwa ebintu ng'omuwendo gwalwo bwe guli.
- 3 Awo Nabosi n'agamba Akabu nti Mukama akiddize eri gye ndi nkuwe obusika bwa bajjajjange.
- 4 Awo Akabu n'ayingira mu nnyumba ye, ng'anyiikadde era ng'anyiize olw'ekigambo Nabosi Omuyezuleeri ky'amugambye: kubanga ayogedde nti Sijja kukuwa busika bwa bajjajjange. N'agalamira ku kitanda kye n'akyusa amaaso ge n'atakkiriza kulya ku mmere.
- 5 Naye Yezeberi mukazi we n'ajja gy'ali, n'amugamba nti Kiki ekinakuwazizza omwoyo gwo obwenkanidde awo, n'okulya n'otolya ku mmere?
- 6 N'amugamba nti Kubanga njogedde ne Nabosi Omuyezuleeri ne mmugamba nti Mpa olusuku lwo olw'emizabbibu olw'ebintu; oba bw'onoosiima, ndikuwa olusuku olw'emizabbibu olulala mu kifo kyalwo: n'addamu nti Sijja kukuwa lusuku lwange olw'emizabbibu.
- 7 Yezeberi mukazi we n'amugamba nti Ggwe ofuga nno obwakabaka bwa Isiraeri? golokoka olye ku mmere, omutima gwo gusanyuke: nze ndikuwa olusuku olw'emizabbibu olwa Nabosi Omuyezuleeri.
- 8 Awo n'awandiika ebbaluwa mu linnya lya Akabu, n'azissaako akabonero ke, n'aweereza ebbaluwa abakadde n'abakungu abaali mu kibuga kye era abaatuula awali Nabosi.
- 9 N'awandiika mu bbaluwa ng'ayogera nti Mulangire okusiiba, mumuteeke Nabosi waggulu mu bantu
- 10 muteeke abasajja babiri aba Beriali mu maaso ge, bamulumirize nga boogera nti Wakolimira Katonda ne kabaka. Mulyoke mumuggyewo, mumukasuukirire amayinja afe.
- 11 Awo abasajja ab'omu kibuga kye abakadde n'abakungu abaabeera mu kibuga kye ne bakola nga Yezeberi bw'abatumidde, nga bwe kyawandiikibwa mu bbaluwa ze yabweereza.
- 12 Awo ne balangira okusiiba, ne bamuteeka waggulu Nabosi mu bantu.
- 13 Abasajja babiri abaana ba Beriali ne bayingira ne batuula mu maaso ge: abasajja ba Beriali ne bamulumiriza, nga balumiriza Nabosi mu maaso g'abantu, nga boogera nti Nabosi yakolimira Katonda ne kabaka. Awo ne bamuggya mu kibuga, ne bamuka-suukirira amayinja n'afa.
- 14 Awo ne batumira Yezeberi nga boogera nti Nabosi akasuukiriddwa amayinja afudde.
- 15 Awo olwatuuka Yezeberi bwe yawulira Nabosi ng'akasuukiriddwa amayinja era ng'afudde, Yezeberi n'agamba Akabu nti Golokoka olye olusuku olw'emizabbibu olwa Nabosi Omuyezuleeri lwe yagaana okukuwa olw'ebintu kubanga Nabosi takyali mulamu naye afudde.
- 16 Awo olwatuuka Akabu bwe yawulira Nabosi ng'afudde, awo Akabu n'agolokoka okuserengeta mu lusuku olw'emizabbibu olwa Nabosi Omuyezuleeri okululya.
- 17 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Eriya Omutisubi nga kyogera nti

- 18 Golokoka oserengete okusisinkana ne Akabu kabaka wa Isiraeri atuula mu Samaliya laba, ali mu lusuku olw'emizabbibu olwa Nabosi gy'aserengese okululya.
- 19 Era onoomugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Osse era olidde? era onoomugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Mu kifo embwa mwe zaakombera omusaayi gwa Nabosi, embwa mwe zirikombera omusaayi gwo, weewaawo, ogugwo.
- 20 Awo Akabu n'agamba Eriya nti Ondabye, ggwe omulabe wange? N'addamu nti Nkulabye: kubanga weetunze okukola ebiri mu maaso ga Mukama ebibi.
- 21 Laba, adikuleetako akabi, era ndikwerera ddala, era ndimalawo eri Akabu buli mwana ow'obulenzi n'oyo asibiddwa n'atasibiddwa mu Isiraeri:
- 22 era ndifuula ennyumba yo okufaanana ennyumba ya Yerubowaamu mutabani wa Nebati n'okufaanana ennyumba ya Baasa mutabani wa Akiya olw'okusunguwaza kwe wansunguwaza n'oyonoonyesa Isiraeri.
- 23 Era Mukama n'ayogera ne ku Yezeberi nti Embwa ziririira Yezeberi awali ekigo eky'e Yezuleeri.
- 24 Owa Akabu anaafiranga mu kibuga embwa zinaamulyanga; n'oyo anaafiranga ku ttale ennyonyi ez'omu bbanga zinaamulyanga,
- 25 (Naye tewali eyafaanana Akabu eyeetunda okukola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi Yezeberi mukazi we gwe yapikiriza.
- 26 N'akolanga eby'emizizo ennyo ng'agoberera ebifaananyi nga byonna bwe byali Abamoli bye baakolanga Mukama be yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri.)
- 27 Awo olwatuuka Akabu bwe yawulira ebigambo ebyo, n'ayuzza ebyambalo bye n'ayambala ebibukutu ku mubiri gwe n'asiiba n'agalamira ng'ayambadde ebibukutu n'atambula mpola.
- 28 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Eriya Omutisubi nga kyogera nti
- 29 Olaba Akabu bwe yeetoowaza mu maaso gange? kubanga yeetoowaza mu maaso gange, sirireeta kabi ako ku mireembe gye: naye ku mireembe ya mutabani we bwe ndireeta akabi ako ku nnyumba ye.

Essuula 22

- 1 Awo ne bamala emyaka esatu nga tewali bulwa eri Obusuuli ne Isiraeri.
- 2 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okusatu Yekosafaati kabaka wa Yuda n'aserengeta eri kabaka wa Isiraeri.
- 3 Awo kabaka wa Isiraeri n'agamba abaddu be nti Mumanyi nga Lamosugireyaadi kyaffe, naffe tusirika ne tutakiggya mu mukono gwa kabaka w'e Busuuli?
- 4 N'agamba Yekosafaati nti Onoogenda nange e Lamosugireyaadi okulwana? Awo Yekosafaati n'agamba kabaka wa Isiraeri nti Nze nninga ggwe bw'oli, abantu bange ng'abantu bo, embalaasi zange ng'embalaasi zo.
- 5 Awo Yekosafaati n'agamba kabaka wa Isiraeri nti Nkwegayiridde, buuza ekigambo kya Mukama leero.
- 6 Awo kabaka wa Isiraeri n'akuaanya bannabbi abasajja ng'ebikumi bina, n'abagamba nti Ntabaale e Lamosugireyaadi nantiki ndekeyo? Ne boogera nti Yambuka; kubanga Mukama alikigabula mu mukono gwa kabaka.
- 7 Naye Yekosafaati n'ayogera nti Tewali wano nate nnabbi wa Mukama, tumubuuze?
- 8 Kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati nti Waliwo nate omusajja omu gwe tuyinza okubuulizaamu Mukama, Mikaaya mutabani wa Imula: naye mmukyawa; kubanga tandagulako birungi wabula ebibi. Yekosafaati n'ayogera nti Kabaka aleme okwogera bw'atyo.
- 9 Awo kabaka wa Isiraeri n'ayita omumbowa n'ayogera nti Yanguwa okime Mikaaya

mutabani wa Imula.

- 10 Era kabaka wa Isiraeri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne batuula buli muntu ku ntebe ye nga bambadde ebyambalo byabwe, mu mbuga eri ku mulyango gwa wankaaki w'e Samaliya; bannabbi bonna ne balagulira mu maaso gaabwe.
- 11 Awo Zeddekiya mutabani wa Kenaana ne yeekolera amayembe ag'ebyuma n'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Olitomera Abasuuli na gano okutuusa lwe balimalibwawo.
- 12 Ne bannabbi bonna ne balagula bwe batyo, nga boogera nti Yambuka e Lamosugireyaadi olabe omukisa: kubanga Mukama alikigabula mu mukono gwa kabaka.
- 13 Awo omubaka eyagenda okuyita Mikaaya n'amugamba nti Laba nno, ebigambo bya bannabbi bibuulira kabaka ebirungi n'akamwa kamu: nkwegayiridde, ekigambo kyo kifaanane ekigambo ky'omu ku bo, oyogere ebirungi.
- 14 Awo Mikaaya n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu, Mukama ky'anaamba ekyo kye nnaayogera.
- 15 Awo bwe yajja eri kabaka, kabaka n'amugamba nti Mikaaya, tutabaale e Lamosugireyaadi nantiki tulekeyo? N'amuddamu nti Yambuka olabe omukisa; era Mukama alikigabula mu mukono gwa kabaka.
- 16 Awo kabaka n'amugamba nti Naakulayiza emirundi emeka oleme okumbuulira ekigambo n'ekimu wabula amazima mu linnya lya Mukama?
- 17 N'ayogera nti Ndabye Isiraeri yenna ng'asaasaanidde ku nsozi ng'endiga ezitalina musumba: Mukama n'ayogera nti Abo tebalina mukama waabwe; baddeyo buli muntu mu nnyumba ye mirembe.
- 18 Awo kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati nti Sikugambye nga taalagule birungi eri nze wabula ebibi?
- 19 N'ayogera nti Kale wulira ekigambo kya Mukama: ndabye Mukama ng'atudde ku ntebe ye n'eggye lyonna ery'omu ggulu nga bayimiridde gy'ali ku mukono gwe ogwa ddyo ne ku gwa kkono.
- 20 Mukama n'ayogera nti Ani anaasendasenda Akabu ayambuke e Lamosugireyaadi agwe? Omu n'ayogera bw'atyo; omulala n'ayogera bw'atyo.
- 21 Awo ne wafuluma omuzimu ne guyimirira mu maaso ga Mukama ne gwogera nti Nze naamusendasenda.
- 22 Mukama n'agugamba nti Otya? Ne gwogera nti Naifuluma ne mbeera omuzimu ogw'obulimba mu kamwa ka bannabbi be bonna. Naayogera nti Ggwe onoomusendasenda n'okusobola onoosobola: fuluma okole bw'otyo.
- 23 Kale nno, laba, Mukama atadde omuzimu ogw'obulimba mu kamwa ka bannabbi bo bano bonna: era Mukama akwogeddeko akabi.
- 24 Awo Zeddekiya mutabani wa Kenaana n'asembera n'akuba Mikaaya oluyi, n'ayogera nti Omwoyo gwa Mukama gwampitako gutya okwogera naawe?
- 25 Mikaaya n'ayogera nti Laba, oliraba ku lunaku olwo bw'oliyingira mu kisenge eky'omunda okwekweka.
- 26 Awo kabaka wa Isiraeri n'ayogera nti Mutwale Mikaaya mumuzze eri Amoni omukulu w'ekibuga n'eri Yowaasi mutabani wa kabaka;
- 27 mwogere nti Bw'atyo bw'ayogera kabaka nti Olusajja luno muluteeke mu kkomera mululiisenga emmere ey'okulaba ennaku n'amazzi ag'okulaba ennaku, okutuusa lwe ndikomawo emirembe.
- 28 Awo Mikaaya n'ayogera nti Okukomawo bw'olikomawo emirembe, Mukama nga tayogeredde mu nze. N'ayogera nti Muwulire, mmwe amawanga mwenna.
- 29 Awo kabaka wa Isiraeri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne bambuka e Lamosugireyaadi.
- 30 Kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati nti Neefuula ne nnyingira mu lutalo; naye

ggwe yambala ebyambalo byo. Awo kabaka wa Isiraeri ne yeefuula n'ayingira mu lutalo.

- 31 Awo kabaka w'e Busuuli yali alagidde abaami amakumi asatu mu babiri ab'amagaali ge ng'ayogera nti Temulwana na bato newakubadde abakulu, wabula kabaka wa Isiraeri yekka.
- 32 Awo olwatuuka abaami b'amagaali bwe baalaba Yekosafaati ne boogera nti Mazima ye kabaka wa Isiraeri; ne bakyama okulwana naye: Yekosafaati n'ayogerera waggulu.
- 33 Awo olwatuuka abaami b'amagaali bwe baalaba nga si ye kabaka wa Isiraeri, awo ne bakoma okumugoberera.
- 34 Awo ne wabaawo omuntu eyanaanuula omutege gwe nga tagenderedde n'alasa kabaka wa Isiraeri ebyambalo bye eby'ebyuma we bigattira: kyeyava agamba omugoba w'eggaali lye nti Kyusa omukono gwo onziye mu ggye; kubanga nfumitiddwa nnyo.
- 35 Olutalo ne lweyongera ku lunaku olwo: kabaka ne bamukwatirira mu ggaali lye okulwana n'Abasuuli, n'afa akawungeezi: omusaayi ne guva mu kiwundu ne gukulukutira munda w'eggaali.
- 36 Awo ne waba okulangirwa mu ggye lyonna enjuba ng'eyagala okugwa nga boogera nti Buli muntu adde mu kibuga ky'ewaabwe, era buli muntu adde mu nsi y'ewaabwe.
- 37 Awo kabaka n'afa n'aleetebwa e Samaliya; ne baziika kabaka mu Samaliya.
- 38 Ne booleza eggaali awali ekidiba eky'e Samaliya; embwa ne zikomba omusaayi gwe; (era abenzi baanaabiranga eyo;) ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogera.
- 39 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Akabu ne byonna bye yakola n'ennyumba ey'amasanga gye yazimba n'ebibuga byonna bye yazimba tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 40 Awo Akabu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe; Akaziya mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 41 Awo Yekosafaati mutabani wa Asa n'atanula okufuga Yuda mu mwaka ogw'okuna ogwa Akabu kabaka wa Isiraeri.
- 42 Yekosafaati yali yaakamaze emyaka amakumi asatu mu etaano bwe yalya obwakabaka: n'afugira emyaka amakumi abiri mu etaano mu Yerusaalemi. Ne nnyina erinnya lye lyali Azuba muwala wa Siruki.
- 43 Awo n'atambuliranga mu kkubo lyonna erya Asa kitaawe; n'atakyama okulivaamu, ng'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi: naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo; abantu nga bakyaweerayo ssaddaaka ne bootereza obubaane mu bifo ebigulumivu.
- 44 Era Yekosafaati n'atabagana ne kabaka wa Isiraeri.
- 45 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yekosafaati n'amaanyi ge ge yalaga era bwe yalwana tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 46 N'abaalyanga ebisiyaga abaasigalawo ku mirembe gya kitaawe Asa n'abaggya mu nsi.
- 47 Awo nga tewali kabaka mu Edomu: omusigire nga ye kabaka.
- 48 Yekosafaati n'asiba malikebu ez'e Talusiisi ez'okugenda e Ofiri okukimayo ezaabu: naye ne zitagenda; kubanga malikebu zaamenyekera e Ezyonigeba.
- 49 Awo Akaziya mutabani wa Akabu n'agamba Yekosafaati nti Abaddu bange bagende n'abaddu bo mu malikebu. Naye Yekosafaati n'atakkiriza.
- 50 Yekosafaati ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi jjajjaawe: awo Yekolaamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 51 Akaziya mutabani wa Akabu n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya mu mwaka ogw'ekkumi n'omusanvu ogwa Yekosafaati kabaka wa Yuda n'afugira Isiraeri emyaka ebiri.
- 52 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi n'atambulira mu kkubo lya kitaawe ne mu

kkubo lya nnyina ne mu kkubo lya Yerobowaamu mutabani wa Nebati mwe
yayonoonyesa Isiraeri.

53 N'aweereza Baali n'amusinza n'asunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri nga byonna
bwe byali kitaawe bye yakola.

2 Bassekabaka

Essuula 1

- 1 Awo Mowaabu n'ajeemera Isiraeri Akabu ng'amaze okufa.
- 2 Akaziya n'agwa mu kituli ekiruke ekyali mu kisenge kye ekywa waggulu ekyali mu Samaliya, n'alwala: n'atuma ababaka, n'abagamba nti Mugende mulagulwe eri Baaluzebubi katonda ow'e Ekuloni oba nga ndiwona endwadde eno.
- 3 Naye malayika wa Mukama n'agamba Eriya Omutisubi nti Golokoka osisinkane ababaka ba kabaka w'e Samaliya obagambe nti Kubanga tewali Katonda mu Isiraeri kyemuva mugenda okulagulwa eri Baaluzebubi katonda ow'e Ekuloni?
- 4 Kale nno, bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Toliva ku kitanda ky'olinnyeeke, naye tolirema kufa. Eriya n'agenda.
- 5 Ababaka ne bakomawo gy'ali, n'abagamba nti Kiki ekibakomezzaawo?
- 6 Ne bamugamba nti Wazze omusajja okutususinkana n'atugamba nti Mugende muddeeyo eri kabaka abatumye, mumugambe nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Kubanga tewali Katonda mu Isiraeri kyova otuma okulagulwa eri Baaluzebubi katonda ow'e Ekuloni? kyoliva olema okuva ku kitanda ky'olinnyeeke, naye tolirema kufa.
- 7 N'abagamba nti Omusajja azze okubasisinkana n'ababuulira ebigambo ebyo afaananye atya?
- 8 Ne bamuddamu nti Yali musajja wa bwoya bungi, era nga yeesibye olukoba olw'eddiba mu kiwato kye.
- 9 Awo kabaka n'atuma gy'ali omwami w'ataano n'abasajja be ataano. N'ayambuka gy'ali: kale, laba, ng'atudde ku ntikko y'olusozi. N'ayogera naye nti Ggwe omusajja wa Katonda, kabaka ayogedde nti Serengeta.
- 10 Awo Eriya n'addamu n'agamba omwami w'ataano nti Oba ndi musajja wa Katonda, omuliro guve mu ggulu gwokye ggwe n'abasajja bo ataano. Omuliro ne guva mu ggulu ne gumwokya ye n'abasajja be ataano.
- 11 Awo n'atuma nate gy'ali omwami w'ataano omulala n'abasajja be ataano. N'addamu n'amugamba nti Ggwe omusajja wa Katonda, bw'atyo kabaka bw'ayogedde nti Yanguwa okuserengeta.
- 12 Awo Eriya n'addamu n'abagamba nti Oba nga ndi musajja wa Katonda, omuliro guve mu ggulu gwokye ggwe n'abasajja bo ataano. Omuliro gwa Katonda ne guva mu ggulu ne gumwokya ye n'abasajja be ataano.
- 13 Awo n'atuma nate omwami w'ataano abalala n'abasajja be ataano. Omwami w'ataano ow'okusatu n'ayambuka n'ajja n'afukamira ku maviivi ge mu maaso ga Eriya, n'amwegayirira n'amugamba nti Ggwe omusajja wa Katonda, nkwegayiridde, obulamuwange n'obulamu bwa bano ataano abaddu bo bube bwa muwendo mungi mu maaso go.
- 14 Laba, omuliro gwavudde mu ggulu ne gwokya abaami b'ataano bombi abaasoose n'abasajja baabwe ataano: naye kaakano obulamuwange bube bwa muwendo mungi mu maaso go.
- 15 Awo malayika wa Mukama n'agamba Eriya nti Serengeta naye tomutya. N'agolokoka n'aserengeta naye n'agenda eri kabaka.
- 16 N'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Kubanga watuma ababaka okulagulwa eri Baaluzebubi katonda ow'e Ekuloni, kubanga tewali katonda mu Isiraeri okulagulwa eri ekigambo kye kyewava okola bw'otyo? kyoliva olema okuva ku kitanda ky'olinnyeeke, naye tolirema kufa.
- 17 Awo n'afa ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali Eriya kye yayogera. Yekolaamu n'atanula okufuga mu kifo kye mu mwaka ogw'okubiri ogwa Yekolaamu mutabani wa

Yekosafaati kabaka wa Yuda; kubanga teyalina mwana wa bulenzi.

- 18** Era ebikolwa ebirala byonna ebya Akaziya bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyo omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?

Essuula 2

- 1** Awo olwatuuka Mukama bwe yayagala okulinyisa Eriya n'embuyaga ez'omuzimu mu ggulu, Eriya n'agenda ne Erisa ng'ava e Girugaali.
- 2** Awo Eriya n'agamba Erisa nti Beera wano, nkwegayiridde; kubanga Mukama antumye e Beseri. Erisa n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu n'emmeeme yo nga bw'eri ennamu, sijja kukuleka. Awo ne baserengeta ne bajja e Beseri.
- 3** Awo abaana ba bannabbi abaali e Beseri ne bafuluma eri Erisa, ne bamugamba nti Omanyi nga Mukama anaggya mukama wo ku mutwe gwo leero? N'ayogera nti Weewaawo, mmanyi; mmwe musirike.
- 4** Awo Eriya n'amugamba nti Erisa, beera wano. nkwegayiridde; kubanga Mukama antumye e Yeriko. N'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu n'emmeeme yo nga bw'eri ennamu, sijja kukuleka. Awo ne bajja e Yeriko.
- 5** Awo abaana ba bannabbi abaali e Yeriko ne bafuluma eri Erisa, ne basemberera Erisa ne bamugamba nti Omanyi nga Mukama anaggya mukama wo ku mutwe gwo leero? N'addamu nti Weewaawo, mmanyi; mmwe musirike.
- 6** Awo Eriya n'amugamba nti Nkwegayiridde, beera wano; kubanga Mukama antumye e Yoludaani. N'ayogera nti nga Mukama bw'ali omulamu n'emmeeme yo nga bw'eri ennamu, sijja kukuleka. Awo abo bombi ne batambula.
- 7** Awo abasajja amakumi ataano ab'oku baana ba bannabbi ne bagenda ne bayimirira okuboolekera wala nabo; abo bombi ne bayimirira ku Yoludaani.
- 8** Awo Eriya n'addirira omunagirowe gwe n'aguzinga wamu n'akuba amazzi ne gaawulibwamu eruuyi n'eruuyi n'okuyita ne bayita bombi ku lukalu.
- 9** Awo olwatuuka bwe baamala okusomoka Eriya n'agamba Erisa nti Saba kye nnaakukolera nga sinnaba kukuggibwako. Erisa n'ayogera nti Nkwegayiridde emigabo ebiri egy'omwoyo gwo gibere ku nze.
- 10** N'ayogera nti Osabye kizibu: naye bw'onondaba bwe nnaakuggibwako kinaaba bwe kityo gy'oli; naye bw'otondabe tekiibe bwe kityo.
- 11** Awo olwatuuka nga bakyatambula nga boogera, laba, ne walabika eggaali ery'omuliro n'embalaasi ez'omuliro ne zibaawula bombi; Eriya n'alinyi mu ggulu n'embuyaga ez'omuzimu.
- 12** Era Erisa n'akiraba n'ayogerera waggulu nti Kitange, kitange, amagaali ga Isiraeri n'embalaasi ze! N'atambula nate: n'akwata ebyambalo bye n'abiyuzaamu ebitundu bibiri.
- 13** Era n'alonda n'ekyambalo kya Eriya ky'asudde, n'addayo n'ayimirira ku lubalama lwa Yoludaani.
- 14** N'addirira ekyambalo kya Eriya ky'asudde, n'akuba amazzi n'ayogera nti Ali luuyi wa Mukama Katonda wa Eriya? awo ng'amaze okukuba amazzi naye, ne gaawulibwamu eruuyi n'eruuyi: Erisa n'asomoka.
- 15** Awo abaana ba bannabbi abaali e Yeriko okumwolekera bwe baamulaba, ne boogera nti Omwoyo gwa Eriya gutuula ku Erisa. Ne bajja okumusisinkana, ne bavuunama mu maaso ge.
- 16** Awo ne bamugamba nti Laba nno waliwo abasajja amakumi ataano ab'amaanyi wamu n'abaddu bo; tukwegayiridde bagende banoonye mukama wo: mpozzi omwoyo gwa Mukama gumusitudde ne gumusuula ku lusozi oba mu kiwonvu; N'ayogera nti Temutuma.

- 17 Awo bwe baamutayirira okutuusa ensonyi lwe zaamukwata, n'ayogera nti Mutume. Awo ne batuma abasajja amakumi ataano; ne banoonyeza ennaku ssatu naye ne batamulaba.
- 18 Awo ne bakomawo gy'ali ng'akyalinda e Yeriko; n'abagamba nti Saabagamba nti Temugenda?
- 19 Awo abasajja ab'omu kibuga ne bagamba Erisa nti Laba, tukwegayiridde, awali ekibuga kino walungi nga mukama wange bw'alaba: naye amazzi tegaliiko kye gagasa, n'ensi tekuzza mmere.
- 20 N'ayogera nti Mundeetere akasumbi akaggya, muteeke omwo omunnyo. Ne bakaleeta gy'ali.
- 21 N'afulumu n'ajja awali ensulo y'amazzi, n'asuula omwo omunnyo n'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Mponyeyza amazzi gano; temukyavaamu nate lumbe newakubadde obutakuza mmere.
- 22 Awo amazzi ne gawona ne leero ng'ekigambo bwe kyali ekya Erisa kye yayogera.
- 23 Awo n'avaayo n'ayambuka n'agenda e Beseri: awo ng'ali mu kkubo ng'ayambuka abaana abato ne bava mu kibuga ne bamuduulira ne bamugamba nti Yambuka, ggwe ow'ekiwalaata; yambuka, ggwe ow'ekiwalaata.
- 24 N'akebuka n'abalaba n'abakolimira mu linnya lya Mukama. Eddubu bbiri enkazi ne ziva mu kibira ne zitaagula abaana amakumi ana mu babiri ku bo.
- 25 Awo n'avaayo n'agenda eri olusozi Kalumeeri, n'avaayo n'akomawo e Samaliya.

Essuula 3

- 1 Awo Yekolaamu mutabani wa Akabu n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya mu mwaka ogw'ekkumi mu munaana ogwa Yekosafaati kabaka wa Yuda, n'afugira emyaka kkumi n'ebiri.
- 2 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi; naye obutafaanana kitaawe n'okufaanana nnyina: kubanga yaggyawo empagi ya Baali kitaawe gye yakola.
- 3 Naye ne yeegatta n'ebibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri; teyabivaamu.
- 4 Era Mesa kabaka wa Mowaabu yali musumba wa ndiga; n'awangayo eri kabaka wa Isiraeri ebyoya by'abaana b'endiga kasiriivu n'eby'endiga ennume kasiriivu.
- 5 Naye olwatuuka Akabu bwe yafa kabaka wa Mowaabu n'ajeemera kabaka wa Isiraeri.
- 6 Kabaka Yekolaamu n'ava mu Samaliya mu biro ebyo, n'ayolesa Isiraeri yenna.
- 7 Awo n'agenda n'atumira Yekosafaati kabaka wa Yuda ng'ayogera nti Kabaka wa Mowaabu anjeemedde: onootabaala Mowaabu wamu nange? N'ayogera nti Naayambuka: nze nninga ggwe bw'oli, abantu bange ng'abantu bo, embalaasi zange ng'embalaasi zo.
- 8 N'ayogera nti Tunaayambuka mu kkubo ki? N'addamu nti Mu kkubo ery'omu ddungu erya Edomu.
- 9 Awo kabaka wa Isiraeri n'agenda ne kabaka wa Yuda ne kabaka wa Edomu: ne beetoooloola olugendo lwa nnaku musanvu: so nga tewaali mazzi ga ggwe newakubadde ag'ensolo ez'abagoberera.
- 10 Awo kabaka wa Isiraeri n'ayogera nti Zitusanze! kubanga Mukama ayise bakabaka bano abasatu okukuaana okubagabula mu mukono gwa Mowaabu.
- 11 Naye Yekosafaati n'ayogera nti Tewali wano nnabbi wa Mukama tubuulize mu ye eri Mukama? Awo omu ku baddu ba kabaka wa Isiraeri n'addamu n'ayogera nti Erisa mutabani wa Safati wano eyafukiriranga amazzi mu ngalo za Eriya.
- 12 Awo Yekosafaati n'ayogera nti Ekigambo kya Mukama kiri naye. Awo kabaka wa Isiraeri ne Yekosafaati ne kabaka wa Edomu ne baserengeta gy'ali.

- 13 Erisa n'agamba kabaka wa Isiraeri nti Nfaayo ki eri ggwe? genda eri bannabbi ba kitaawo n'eri bannabbi ba nnyoko. Kabaka wa Isiraeri n'amugamba nti Nedda: kubanga Mukama ayise bakabaka bano abasatu okukuaana okubagabula mu mukono gwa Mowaabu.
- 14 Erisa n'ayogera nti Nga Mukama w'eggye bw'ali omulamu gwe nnyimirira mu maaso ge, mazima singa sirowooza Yekosafaati kabaka wa Yuda okubaawo, sandikuntunuulidde so sandikulabye.
- 15 Naye nno ndeetera omukubi w'ennanga. Awo olwatuuka omukubi w'ennanga bwe yakuba, omukono gwa Mukama ne gumujjako.
- 16 N'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Mujjuze ekiwonvu kino ensalosalo.
- 17 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Temuulabe mbuyaga so temuulabe nkuba, naye ekiwonvu ekyo kinajjula amazzi: nammwe munaanywa, mmwe n'ebisibo byammwe n'ensolo zammwe.
- 18 Era kino kigambo kitono so si kikulu mu maaso ga Mukama: era aligabula n'Abamowaabu mu mukono gwammwe.
- 19 Era mulimenya buli kibuga ekiriko enkomera na buli kibuga ekironde ne mutema buli muti omulungi ne muziba enzizi zonna ez'amazzi ne mwonoona buli musiri omulungi n'amayinja.
- 20 Awo olwatuuka enkya mu kiseera eky'okuwaayo ekitone, kale, laba, amazzi ne gajja nga gafulumu mu kkubo ery'e Edomu, ensi n'ejjula amazzi.
- 21 Awo Abamowaabu bonna bwe baawulira bakabaka nga bambuse okulwana nabo, ne bakuaana bonna abaayinza okwambala ebyokulwanyisa n'okukirawo, ne bayimirira ku mpero.
- 22 Awo ne bagolokoka enkya mu makya, enjuba n'eyaka ku mazzi, Abamowaabu ne balaba amazzi agaboolekedde nga gamyuse ng'omusaayi:
- 23 awo ne boogera nti Guno gwe musaayi: bakabaka tebalemye kuzikirizibwa, era basse buli muntu munne: kale nno, Mowaabu, mugwe ku munyago.
- 24 Awo bwe baatuka mu lusiisira lwa Isiraeri, Abaisiraeri ne bagolokoka ne bakuba Abamowaabu n'okudduka ne badduka mu maaso gaabwe: ne beeyongerayo mu nsi nga bakuba Abamowaabu.
- 25 Ne bamenyamenya ebibuga; n'awali omusiri omulungi ogw'ettaka ne bakasuka buli muntu ejjinja lye ne wajjula; ne baziba enzizi zonna ez'amazzi, ne batema emitigyonna emirungi okutuusa lwe baasigazaawo mu Kirukalesesi amayinja gamu gokka; naye ab'envuumuulo ne batambulatambula mu nsi ne bagikuba.
- 26 Awo kabaka wa Mowaabu bwe yalaba olutalo nga lumuyingiridde, n'atwala abasajja lusankya abasowolanga ebitala, okuwaguza okutuuka eri kabaka w'e Edomu: naye ne batayinza.
- 27 Awo n'addirira mutabani we omubereberye eyandifuze mu kifo kye, n'amuwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa ku bbugwe. Ne waba obusungu bungi eri Isiraeri: ne bamuvaako ne baddayo mu nsi yaabwe.

Essuula 4

- 1 Awo omukazi omu ow'oku bakazi b'abaana ba bannabbi n'ayogerera waggulu eri Erisa ng'ayogera nti Omuddu wo baze yafa: era omanyi ng'omuddu wo yatyanga Mukama: era ow'ebbanja azze okwetwalira abaana bange bombi okuba abaddu.
- 2 Erisa n'amugamba nti Naakukolera ki? mbuulira: olina ki mu nnyumba? N'ayogera nti Omuzana wo talina kintu mu nnyumba wabula akasumbi ak'amafuta.
- 3 Awo n'ayogera nti Genda weeyazike ebintu ebweru mu banno bonna, ebintu ebyereere; weeyazike bingiko.

- 4 Awo n'oyingira weggalire ggwe ne batabani bo, ottululire mu bintu ebyo byonna; otereke ebijjudde.
- 5 Awo n'ava w'ali ne yeggalira ye ne batabani be; ne bamuleetera ebintu n'attulula.
- 6 Awo olwatuuka ebintu bwe byajjula n'agamba mutabani we nti Ndeetera nate ekintu. N'amugamba nti Tewakyali nate kintu. Amafuta ne gakoma.
- 7 Awo n'ajja n'abuulira omusajja wa Katonda. N'ayogera nti Genda otunde amafuta osasule ebbanja lyo, ebinaafikkawo bikuliiseaga ggwe ne batabatu bo.
- 8 Awo olunaku lwali lumu Erisa n'ayita n'agenda e Sunemu eyali omukazi omukulu; n'amuwaliriza okulya ku mmere. Awo olwatuukanga buli lwe yayitangawo n'akyami-ranga omwo okulya ku mmere.
- 9 N'agamba bba nti Laba nno, ntegedde ng'ono musajja mutukuvu wa Katonda atuyi-tako buli kaseera.
- 10 Nkwegayiridde tukookere ku kisenge; tumuteekere eyo ekitanda n'emmeeza n'entebe n'eky'ettabaaza: awo olunaatuukanga bw'anajjanga gye tuli anaakyamiranga omwo.
- 11 Awo olunaku lwali lumu n'ajjayo n'akyamira mu nju n'agalamira omwo.
- 12 N'agamba Gekazi omuddu we nti Yita Omusunammu ono. Awo bwe yamuyita n'ayimirira mu maaso ge.
- 13 N'amugamba nti Mugambe nno nti Laba, watujjanjaba okujjanjaba okwenkana awo; kiki ekinaaba kikukolerwa? oyagala okwogererwa eri kabaka oba eri omukulu w'eggye? N'addamu nti Ntuula mu bantu bange nze.
- 14 N'ayogera nti Kale kiki ekinaaba kimukolerwa? Gekazi n'addamu nti Mazima talina mwana wa bulenzi ne bba mukadde.
- 15 N'ayogera nti Muyite. Awo bwe yamuyita n'ayimirira ku mulyango.
- 16 N'ayogera nti Mu kiseera kino ebiro bwe biridda, oliwambaatira omwana ow'obu-lenzi. N'ayogera nti Nedda, mukama wange, ggwe omusajja wa Katonda, tolimba muzaana wo.
- 17 Omukazi n'aba olubuto n'azaalira omwana ow'obulenzi mu kiseera ekyo ebiro bwe byadda nga Erisa bwe yamugamba.
- 18 Awo omwana bwe yakula olunaku lwali lumu n'afuluma n'agenda eri kitaawe eri abakunguzi.
- 19 N'agamba kitaawe nti Omutwe gwange, omutwe gwange. N'agamba omuddu we nti Musitule omutwale eri nnyina.
- 20 Awo bwe yamutwala n'amutuusa eri nnyina, n'atuula ku maviivi ge okutuusa ettuntu n'alyoka afa.
- 21 N'alinnya n'amugalamiza ku kitanda ky'omusajja wa Katonda, n'amuggalira oluggi n'afuluma.
- 22 N'ayita bba n'ayogera nti Nkwegayiridde, mpeereza omu ku baddu n'emu ku ndogoyi ende mbiro eri omusajja wa Katonda nkomewo.
- 23 N'ayogera nti Kiki ekikwagaza okugenda gy'ali leero? si lunaku lwa mwezi ogwak-aboneka so si ssabbiiti. N'ayogera nti Mirembe.
- 24 Awo n'atandiika endogoyi n'agamba omuddu we nti Goba otambule; totta ku bigere wabula nga nkugambye.
- 25 Awo n'agenda n'atuuka eri omusajja wa Katonda ku lusozi Kalumeeri. Awo olwatuuka omusajja wa Katonda bwe yamulengera ng'akyali wala, n'agamba Gekazi omuddu we nti Laba, Omusunammu wuuyo:
- 26 nkwegayiridde, dduka nno mbiro omusisinkane omugambe nti Oli bulungi? balo ali bulungi? omwana ali bulungi? N'addamu nti Bulungi.
- 27 Awo bwe yatuuka eri omusajja wa Katonda ku lusozi, n'amukwata ku bigere. Gekazi n'asembera okumusindika; naye omusajja wa Katonda n'ayogera nti Muleke: kubanga emmeeme ye enyiikadde munda mu ye; era Mukama akinkisizza so tambuulidde.

- 28 Awo n'ayogera nti Nayagala omwana ow'obulenzi eri mukama wange? saayogera nti Tonnimba?
- 29 Awo n'agamba Gekazi nti Weesibe ekimyu oddire omuggo gwange mu mukono gwo ogende: bw'onoosanga omuntu yenna tomulamusa; era omuntu yenna bw'anaakulamusa, tomuddamu: oteeke omuggo gwange ku maaso g'omwana.
- 30 Nnyina w'omwana n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu n'emmeeme yo nga bw'eri ennamu, sijja kukuleka. N'agolokoka n'amugoberera.
- 31 Awo Gekazi n'ayitamu n'abakulembera n'ateeka omuggo ku maaso g'omwana; naye ne wataba ddooboozi newakubadde okuwulira. Kyeyava akomawo okumusisinkana, n'amubuulira nti Omwana tazookuse.
- 32 Awo Erisa bwe yayingira mu nnyumba, laba, omwana ng'afudde era ng'agalamidde ku kitanda kye.
- 33 Awo n'ayingira ne yeggalira iaye bombi n'asaba Mukama.
- 34 N'alinnya n'agalamira ku mwana n'ateeka akamwa ke ku kamwa ke n'amaaso ge ku maaso ge n'emikono gye ku mikono gye: ne yeegololera ku ye; omubiri gw'omwana ne gubuguma.
- 35 Awo n'akomawo n'atambula mu nnyumba omulundi ogumu eruuyi n'omulundi ogumu eruuyi; n'alinnya ne yeegololera ku ye: omwana n'ayasimula emirundi musanvu, omwana n'azibula amaaso.
- 36 N'ayita Gekazi n'ayogera nti Muyite Omusunammu oyo. Awo n'amuyita. Awo ng'ayingidde gy'ali n'ayogera nti Situla omwana wo.
- 37 Awo n'ayingira n'avuunama ku bigere bye n'akutama wansi; n'asitula omwana we n'afuluma.
- 38 Awo Erisa n'ajja nate e Girugaali: ne waba enjala mu nsi; abaana ba bannabbi ne batuula mu maaso ge: n'agamba omuddu we nti Teekako entamu ennene, ofumbire abaana ba bannabbi enva.
- 39 Awo omu n'afuluma n'agenda ku ttale okunoga amaboga, n'asanga omuzabbibu ogw'omu nsiko, n'anogako amaboga ag'omu nsiko n'ajjuza olugoye lwe, n'ajja n'agatyemulatyemulira mu ntamu erimu enva: kubanga tebaagamanya.
- 40 Awo ne bajjulira abantu okulya. Awo olwatuuka bwe baali nga balya ku nva, ne boogerera waggulu nga bagamba nti Ai omusajja wa Katonda, mu ntamu mulimu okufa. So tebaayinza kugiryako.
- 41 Naye n'ayogera nti Kale muleete obutta. N'abusuula mu ntamu; n'ayogera nti Mujjulire abantu balye. Ne wataba kabi mu ntamu.
- 42 Awo omusajja n'ajja ng'ava e Baalusalisa, n'aleetera omusajja wa Katonda emmere ey'okubibereberye, emigaati egya sayiri amakumi abiri n'ebirimba eby'eaano ebibisi mu nsawo ye. N'ayogera nti Bawe abantu balye.
- 43 Awo omuddu we n'ayogera nti Owa! nteeke kino mu maaso g'abasajja ekikumi? Naye n'ayogera nti Bawe abantu balye; kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Banaalya ne balemwa.
- 44 Awo n'agiteeka mu maaso gaabwe, ne balya ne balemwa ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali.

Essuula 5

- 1 Awo Naamani omukulu w'eggye lya kabaka w'e Busuuli yali musajja mukulu eri mukama we era wa kitiibwa, kubanga ku bw'oyo Mukama yali awadde Obusuuli okuwangula: era yali musajja wa maanyi muzira, naye yali mugenge.
- 2 Awo Abasuuli baali batabadde bibiina, ne banyaga ne baggya mu nsi ya Isiraeri omuwala omuto; awo n'aweerezanga muka Naamani.

- 3 Awo n'agamba mugole we nti Singa mukama wange ali ne nnabbi ali mu Samaliya! kale yandiwonye ebigenge bye.
- 4 Awo ne waba ayingira n'abuulira mukama we nti Bw'ati bw'ati bw'ayogedde omuwala ow'omu nsi ya Isiraeri.
- 5 Awo kabaka w'e Busuuli n'ayogera nti Kale nno naaweereza kabaka wa Isiraeri ebbaluwa. N'agenda n'atwala talanta kkumi eza ffeeza n'ebitundu kakaaga ebya zaabu n'emiteeko gy'ebymbalo kkumi.
- 6 N'aleetera kabaka wa Isiraeri ebbaluwa ng'ayogera nti Kale nno ebbaluwa eno bw'eriba ng'etuuse gy'oli, laba, nkutumidde Naamani omuddu wange omuwonye ebigenge bye.
- 7 Awo olwatuuka kabaka wa Isiraeri bwe yasoma ebbaluwa, n'ayuza ebyambalo bye n'ayogera nti Nze Katonda nzite era nnamye, omusajja ono n'okutuma n'antumira okuwonya omuntu ebigenge bye? naye mulowooze, mbeegayiridde, mutegeere bw'anoonya ky'anannanga okuyomba nange.
- 8 Awo olwatuuka Erisa omusajja wa Katonda bwe yawulira nga kabaka wa Isiraeri ayuzizza ebyambalo bye n'atumira kabaka ng'ayogera nti Lwaki okuyuza ebyambalo byo? ajje nno gye ndi, kale anaamanya nga mu Isiraeri mulimu nnabbi.
- 9 Awo Naamani n'ajja n'embalaasi ze n'amagaali ge, n'ayimirira ku luggi lw'ennyumba ya Erisa.
- 10 Erisa n'amutumira omubaka ng'ayogera nti Genda onaabe mu Yoludaani emirundi musanvu, kale omubiri gwo gulidda gy'oli, naawe oliba mulongoofu.
- 11 Naye Naamani n'asunguwala, ne yeddirayo n'ayogera nti Laba, mbadde amba nti taaleme kufulumu gye ndi n'ayimirira n'asaba erinnya lya Mukama Katonda we n'ayisayisa engalo awali ekifo, n'awonya omugenge.
- 12 Abana ne Falufali emigga egy'e Ddamasiko tegisinga bulungi mazzi gonna aga Isiraeri? siyinja kunaaba omwo ne mba mulongoofu? Awo n'akyuka n'agenda ng'aliko ekiruyi.
- 13 Awo abaddu be ne basembera ne boogera naye nti Kitange, nnabbi singa akulagidde okukola ekigambo ekikulu, tewandikikoze? kale toosinge nnyo bw'akugambye nti Naaba obe mulongoofu?
- 14 Awo n'aserengeta ne yennyika mu Yoludaani emirundi musanvu ng'ekigambo bwe kyali eky'omusajja wa Katonda: omubiri gwe ne gudda nate ng'omubiri gw'omwana omuto, n'aba mulongoofu.
- 15 Awo n'addayo eri omusajja wa Katonda, ye n'ekibiina kye kyonna, n'ajja n'ayimirira mu maaso ge: n'ayogera nti Laba nno ntegedde nga tewali Katonda mu nsi zonna wabula mu Isiraeri: kale nno, nkwegayiridde, toola ekirabo ku muddu wo.
- 16 Naye n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu gwe nnyimirira mu maaso ge, siitoole kyonna. N'amutayirira okukitoola; naye n'agaana.
- 17 Awo Naamani n'ayogera nti Oba tootoole, naye nkwegayiridde omuddu wo aweebwe ettaka eryetikibwa n'ennyumbu bbiri; kubanga omuddu wo takyawaayo okuva leero ebiwebwayo ebyokebwa newakubadde ssaddaaka eri bakatonda abalala wabula eri Mukama.
- 18 Mukama asonyiwe omuddu wo mu kigambo kino; mukama wange bw'anaayingiranga mu kigwa kya Limmoni okusinzizaayo ne yeesigama ku mukono gwange ne nkutama mu kigwa kya Limmoni, bwe nnaakutamanga mu kigwa kya Limmoni, Mukama asonyiwenga omuddu wo mu kigambo ekyo.
- 19 N'amugamba nti Genda mirembe. Awo ne baawukana n'atambulako akabanga.
- 20 Naye Gekazi omuddu wa Erisa omusajja wa Katonda n'ayogera nti Laba, mukama wange asonyiye Naamani ono Omusuuli okutoola mu mikono gye ekyo kye yaleeta: nga Mukama bw'ali omulamu, nadduka ne mmugoberera mbeereko kye

nnaamuggyako.

- 21 Awo Gekazi n'agoberera Naamani. A'wo Naamani bwe yalaba amugoberera, n'ava ku ggaali okumusinkana, n'ayogera nti Mirembe?
- 22 N'ayogera nti Mirembe. Mukama wange antumye ng'ayogera nti Laba, kaakano kyebajje bajje gye ndi nga bava mu nsi y'ensozi eya Efulayimu abalenzi babiri ab'oku baana ba bannabbi; nkwegayiridde, bawe talanta ya ffeeza n'emiteeko gy'ebymbalo ebiri.
- 23 Awo Naamani n'ayogera nti Kkiriza, otoole talanta bbiri. N'amutayirira, n'asiba talanta bbiri eza ffeeza mu nsawo bbiri wamu n'emiteeko gy'ebymbalo ebiri, n'abitikka abaddu be babiri: ne bazetikkira mu maaso ge.
- 24 Awo bwe yatuuka ku lusozi, n'abiggya mu mukono gwabwe n'abitereka mu nnyumba: n'asindika abasajja ne baddayo.
- 25 Naye n'ayingira n'ayimirira mu maaso ga mukama we. Erisa n'amugamba nti Ova wa, Gekazi? N'ayogera nti Omuddu wo taliiko gy'agenze.
- 26 N'amugamba nti Omutima gwange tegugenze naawe, omusajja bw'akyuse okuva mu ggaali lye okusinkana naawe? Kye kiseera okutoola ffeeza n'okutoola ebyymbalo n'ensuku z'emizeyituuni n'ensuku z'emizabbibu n'endiga n'ente n'abaddu n'abazana?
- 27 Kale ebigenge bya Naamani bineegatta naawe n'ezzadde lyo emirembe gyonna. N'ava w'ali nga mugenge atukula ng'omuzira.

Essuula 6

- 1 Awo abaana ba bannabbi ne bagamba Erisa nti Laba nno ekifo kye tubeeramu mu maaso go kituyinze obutono.
- 2 Tukwegayiridde tugende ku Yoludaani tuggyeyo buli muntu omuti, twekolere eyo ekifo eky'okubeeramu. N'adamu nti Mugende.
- 3 Awo ne waba ayogera nti Nkwegayiridde, kkiriza ogende n'abaddu bo. N'addamu nti Naagenda.
- 4 Awo n'agenda nabo. Awo bwe baatuuka ku Yoludaani, ne batema emiti.
- 5 Naye omu bwe yali atema omuti, embazzi n'egwa mu mazzi: n'akaaba n'ayogera nti Zinsanze, mukama wange! kubanga ebadde nneeyazike.
- 6 Omusajja wa Katonda n'ayogera nti Egudde wa? N'amulaga ekifo. N'atema omuti n'agusuulawo n'abbulukusa ekyuma.
- 7 N'ayogera nti Gironde. N'agolola omukono gwe n'agikwata.
- 8 Awo kabaka w'e Busuuli n'alwana ne Isiraeri; n'ateesa n'abaddu be ng'ayogera nti Egindi ye eriba olusiisira lwange.
- 9 Omusajja wa Katonda n'atumira kabaka wa Isiraeri ng'ayogera nti Weekuume oleme okuyita egindi; kubanga eyo Abasuuli gye baserengese.
- 10 Kabaka wa Isiraeri n'atuma mu kifo ekyo omusajja wa Katonda ky'amubuulidde ng'amulabula: n'awonera eyo omulundi si gumu so si ebiri.
- 11 Awo omutima gwa kabaka w'e Busuuli ne gweraliikirira nnyo olw'ekigambo ekyo; n'ayita abaddu be n'abagamba nti Temuntegeeze bw'ali ku ffe ali ku lwa kabaka wa Isiraeri?
- 12 Omu ku baddu be n'ayogera nti Nedda, mukama wange, ai kabaka; naye Erisa nnabbi ali mu Isiraeri ye abuulira kabaka wa Isiraeri ebigambo by'oyogerera mu nju yo gy'osulamu.
- 13 N'ayogera nti Mugende mulabe gy'ali, ntume mmukime. Ne bamubuulira nti Laba, ali mu Dosani.
- 14 Awo n'atumayo embalaasi n'amagaali n'eggye lingi: ne bajja ekiro ne bazingiza

ekibuga.

- 15 Awo omuddu w'omusajja wa Katonda bwe yagolokoka enkya n'afuluma, laba, eggye n'embalaasi n'amagaali nga bazingizizza ekibuga. omuddu we n'amugamba nti Zitusanze, mukama wange! tunaakola tutya?
- 16 N'addamu nti Totya: kubanga abali naffe bangi okusinga abali nabo.
- 17 Erisa n'asaba n'ayogera nti Mukama wange, nkwegayiridde, omuzibule amaaso ge alabe. Awo Mukama n'azibula amaaso g'omulenzi; n'alaba: awo; laba, olusozi nga lujjudde embalaasi n'amagaali ag'omuliro ageetoolodde Erisa.
- 18 Awo bwe baaserengeta gy'ali Erisa n'asaba Mukama n'ayogera nti Nkwegayiridde, ziba amaaso g'abantu bano. N'aziba amaaso gaabwe ng'ekigambo kya Erisa bwe kyali.
- 19 Erisa n'abagamba nti Lino si lye kkubo so ne kino si kye kibuga: mungoberere nange n'abatuusa eri omusajja gwe munoonya. N'abatwala e Samaliya.
- 20 Awo alwatuuka bwe baatuuka mu Samaliya, Erisa n'ayogera nti Mukama: wange, zibula amaaso g'abantu bani balabe. Awo Mukama n'azibul amaaso gaabwe ne balaba; kale laba, nga bah mu Samaliya wakati
- 21 Awo kabaka wa Isiraeri n'agamba Erisa bwe yabalaba nti Kitange mbakube? mbakube?
- 22 N'addamu nti Tobakuba: oyagala okukuba abo b'owambye n'ekitala kyo n'omutego gwo? teeka emmere n'amazzi mu maaso gaabwe balye banywe badde eri mukama waabwe.
- 23 N'abateekerateekera bingi: awo bwe baamala okulya n'okunywa n'abasindika ne bagenda eri mukama waabwe. Awo ebibiina eby'e Busuuli nga tebikyajja nate mu nsi ya Isiraeri.
- 24 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Benikadadi kabaka w'e Busuuli n'akuaanya eggye lye lyonna, n'ayambuka n'azingiza Samaliya.
- 25 Awo mu Samaliya nga mulimu enjala nnyingi: kale, laba ne bakizingiza okutuusa lwe baatunda omutwe gw'endogoyi olw'ebitundu eby'effeeza kinaana, n'ekitundu eky'okuna eky'ekibya eky'obusa bw'amayiba nga babutunda olw'ebitundu by'effeeza bitaano.
- 26 Awo kabaka wa Isiraeri bwe yali ng'ayitawo ku bbugwe, omukazi n'amukaabirira ng'ayogera nti Mbeera, mukama wange, ai kabaka.
- 27 N'ayogera nti Mukama bw'ataakuyambe, nze naggya wa eby'okukuyamba? mu gguuliro nantiki mu ssogolero?
- 28 Kabaka n'amugamba nti Obadde ki? N'addamu nti Omukazi ono yaamba nti Waayo omwana wo ow'obulenzi tumulye leero era tunaalya omwana wange ow'obulenzi enkya.
- 29 Awo ne tufumba omwana wange ne tumulya ne mmugamba ku lunaku olw'okubiri nti Waayo omwana wo tumulye naye omwana we amukwese.
- 30 Awo olwatuuka kabaka bwe yawulira ebigambo by'omukazi n'ayuza ebyambalo bye; (era yali ng'ayitawo ku bbugwe;) abantu ne batunula, kale, laba, ng'ayambadde ebibukutu munda ku mubiri gwe.
- 31 Awo n'ayogera nti Katonda ankole bw'atyo n'okukirawo, omutwe gwa Erisa mutabani wa Safati bwe gunaabera ku ye leero.
- 32 Naye Erisa n'atuula mu nnyumba ye n'abakadde ne batuula naye; kabaka n'atuma omusajja okuva gy'ali: naye omubaka nga tannatuuka gy'ali n'agamba abakadde nti Mulabye ono omwana w'omussi bw'atumye okunziyako omutwe? kale omubaka bw'anajja, muggaleewo oluggi munyigirize oluggi ku ye: enswagirow z'ebigere bya mukama we teziri nnyuma we?
- 33 Awo ng'akyayogera nabo, laba, omubaka n'aserengeta gy'ali: n'ayogera nti Laba,

akabi kano kavudde eri Mukama; kiki ekinaaba kinnindiriza nate Mukama?

Essuula 7

- 1 Awo Erisa n'ayogera nti Muwulire ekigambo kya Mukama: bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Enkya bwe bunaaba nga kampegaano ekigero ky'obutta obulungi kiri-tundibwa sekeri, n'ebigero bibiri ebya sayiri sekeri mu wankaaki w'e Samaliya.
- 2 Awo omwami kabaka gwe yeesigamanga ku mukono gwe n'addamu omusajja wa Katonda n'ayogera nti Laba, Mukama bw'anaakola ebituli mu ggulu, ekigambo ekyo kyandiyinzise okubaawo? N'ayogera nti Laba, olikiraba n'amaaso go, naye toliryako.
- 3 Awo waaliwo abasajja bana abagenge awayingirirwa mu wankaaki: ne bagambagana nti Kiki ekitutuza wano okutuusa lwe tulifa?
- 4 Oba nga tunaagamba nti Tunaayingira mu kibuga, kale enjala ng'eri mu kibuga, kale tunaafiira omwo: era oba nga tunaatuula wano butuuzi, era tunaafa. Kale nno mujje tusenge eggye ly'Abasuuli: bwe banaatuwonya nga balamu, kale tuliba balamu; era bwe banaatutta, tunaamala gafa.
- 5 Awo ne bagolokoka ekiro okugenda mu lusiisira olw'Abasuuli: awo bwe baatuuka ku lusiisira olw'Abasuuli we lukoma, laba, nga teriiyo muntu.
- 6 Kubanga Mukama yali awulizizza eggye ly'Abasuuli eddoozi ly'amagaali n'eddoozi ly'embalaasi, eddoozi ly'eggwe eringi: ne bagambagana nti Laba, kabaka wa Isiraeri atuweereddeko bakabaka b'Abakiiti ne bakabaka b'Abamisiri okututabaala.
- 7 Awo ne bagolokoka ne badduka kiro, ne baleka eweema zaabwe n'embalaasi zaabwe, n'endogoyi zaabwe, olusiisira nga bwe lwali, ne badduka olw'obulamu bwabwe.
- 8 Awo abagenge abo bwe baatuuka ku lusiisira we lukoma, ne bayingira mu weema emu ne balya ne banywa; ne baggyamu effeeza n'ezaabu n'ebyalalo, ne bagenda ne babikweka; ne bakomawo ne bayingira mu weema endala ne baggya n'omwo ne bagenda ne bakweka.
- 9 Awo ne bagambagana nti Tetukola bulungi: leero lunaku lwa bigambo birungi naffe tusirika: bwe tunaalindirira obudde ne bukya, tunajjirwa okubonerezebwa: kale nno mujje tugende tubuulire ab'omu nnyumba ya kabaka.
- 10 Awo ne bajja ne bakoowoola omuggazi w'ekibuga: ne bababuulira nti Twatuuse mu lusiisira lw'Abasuuli, kale, laba, nga temuli muntu newakubadde eddoozi ly'omuntu, naye embalaasi nga zisibiddwa n'eadogoyi nga zisibiddwa n'eweema nga bwe zaali.
- 11 Awo n'ayita abaggazi; ne babuulira ab'omu nnyumba ya kabaka munda.
- 12 Awo kabaka n'agolokoka kiro n'agamba abaddu be nti Kaakano naabategeeza Abasuuli kye batukoze. Bamanyi ng'enjala etuluma; kyebavudde bava mu lusiisira okwekweka mu nsiko nga boogera nti Bwe banaava mu kibuga tunaabawamba nga balamu, ne tusingira mu kibuga.
- 13 Awo omu ku baddu be n'addamu n'ayogera nti Batwale ku mbalaasi ezisigadde ettaano, nkwegayiridde, ezisigadde mu kibuga, (laba, ziri ng'ekibiina kyonna ekya Isiraeri ekisigadde mu kyo; laba, ziri ng'ekibiina kyonna ekya Isiraeri ekimalid-dwawo:) tutume tulabe.
- 14 Awo ne batwala amagaali abiri n'embalaasi; kabaka n'atuma okugoberera eggwe ly'Abasuuli ng'ayogera nti Mugende mulabe.
- 15 Ne babagoberera okutuuka ku Yoludaani: kale, laba, ekkubo lyonna nga lijjudde ebyambalo n'ebintu Abasuuli bye basudde nga banguwa. Ababaka ne bakomawo ne babuulira kabaka.
- 16 Awo abantu ne bafulumu ne banyaga olusiisira olw'Abasuuli. Awo ekigero ky'obutta obulungi ne babutunda sekeri, n'ebigero ebya sayiri bibiri sekeri, ng'ekigambo kya

Mukama bwe kyali.

- 17 Awo kabaka n'assaawo omwami gwe yeesigamanga ku mukono gwe okulabirira wankaaki, abantu ne bamulinnyiririra mu mulyango n'afa ng'omusajja wa Katonda bwe yagamba eyayogera kabaka bwe yaserengeta gy'ali.
- 18 Awo ne kituukirira ng'omusajja wa Katonda bwe yagamba kabaka nti Ebigerero ebya sayiri bibiri bya sekeri, n'ekigero ky'obutta obulungi kya sekeri, bwe kiriba bwe kityo mu mulyango gw'e Samaliya enkya bwe buliba nga kampegaano;
- 19 omwami oyo n'addamu omusajja wa Katonda n'ayogera nti Laba nno, Mukama bw'anaakola ebituli mu ggulu, ekigambo ekyenkanidde awo kyandiyinzise okubaawo? n'ayogera nti Laba, olikiraba n'amaaso go, naye toliryako:
- 20 ne kituukirira gy'ali bwe kityo; kubanga abantu baamulinnyiririra mu mulyango n'afa.

Essuula 8

- 1 Era Erisa yali agambye omukazi gwe yazuukiriza omwana we ng'ayogera nti Golokoka ogende ggwe n'ennyumba yo obeere yonna yonna gy'oliyinda okubeera: kubanga Mukama ayise enjala; kale n'okugwa erigwira ku nsi emyaka musanvu.
- 2 Awo omukazi n'agolokoka n'akola ng'ekigambo bwe kyali eky'omusajja wa Katonda: n'agenda n'ennyumba ye n'abeera mu nsi y'Abafirisuuti emyaka musanvu.
- 3 Awo olwatuuka emyaka omusanvu bwe gyayitawo; omukazi n'akomawo ng'ava mu nsi y'Abafirisuuti: n'afuluma okukaabirira kabaka olw'ennyumba ye n'ekyalo kye:
- 4 Awo kabaka yali ng'ayogera ne Gekazi omuddu w'omusajja wa Katonda ng'agamba nti Nkwegayiridde, mbuulira ebikulu byonna Erisa bye yakola.
- 5 Awo olwatuuka bwe yali ng'abuulira kabaka bwe yazuukiza oyo eyali afudde, laba, omukazi gwe yazuukiriza omwana we n'akaabirira kabaka olw'ennyumba ye n'ekyalo kye. Gekazi n'ayogera nti Mukama wange, ai kabaka, ono ye mukazi n'ono ye mwana we Erisa gwe yazuukiza.
- 6 Awo kabaka bwe yabuuzza omukazi n'amubuulira. Awo kabaka n'amuteekako omumbowa omu ng'ayogera nti Muddize byonna ebyali ebibye n'ebibala byonna eby'ekyalo okuva ku lunaku lwe yaviiramu mu nsi okutuusa leero.
- 7 Awo Erisa n'ajja e Ddamasiko; era Benikadadi kabaka w'e Busuuli yali ng'alwadde; ne bamubuulira nti Omusajja wa Katonda azze eno.
- 8 Kabaka n'agamba Kazayeeri nti Twala ekirabo mu mukono gwo ogende osisinkane omusajja wa Katonda omubuulizeemu eri Mukama ng'oyogera nti Ndiwona endwadde eno?
- 9 Awo Kazayeeri n'agenda okumusisinkana n'atwala ekirabo eky'oku buli kintu ekirungi eky'omu Ddamasiko, ebyetikibwa n'eamira amakumi ana, n'ajja n'ayimirira mu maaso ge n'ayogera nti Omwana wo Benikadadi kabaka w'e Busuuli antumye gy'oli ng'ayogera nti Ndiwona endwadde eno?
- 10 Erisa n'amugamba nti Genda omugambe nti Tolirema kuwona; naye Mukama antegeezizza nga talirema kufa.
- 11 N'amwekaliriza amaaso okutuusa ensonyi lwe zaamukwata: omusajja wa Katonda n'akaaba amaziga.
- 12 Awo Kazayeeri n'ayogera nti Mukama wange akaabira ki? N'addamu nti Kubanga mmanyi obubi bw'olikola abaana ba Isiraeri: ebigo byabwe olibyokya omuliro, n'abalenzi baabwe olibatta n'ekitala, era olitandagira abaana baabwe abato, era olibaaga abakazi baabwe abali embuto.
- 13 Awo Kazayeeri n'ayogera nti Naye omuddu wo kye ki, ye mbwa obubwa, akole ekigambo ekyo ekikulu? Erisa n'addamu nti Mukama antegeezizza nga gw'oliba kabaka w'e Busuuli.

- 14 Awo n'ava awali Erisa n'ajja eri mukama we; n'amugamba nti Erisa yakugamba ki? N'addamu nti Yambuulira nga tolirema kuwona.
- 15 Awo olwatuuka enkya n'addiru eky'okwebikka n'akinnyika mu mazzi n'akiteeka ku maaso ge n'okufa n'afa: Kazayeeri n'afuga mu kifo kye.
- 16 Awo mu mwaka ogw'okutaano ogwa Yolaamu mutabani wa Akabu kabaka wa Isiraeri, Yekosafaati nga ye kabaka wa Yuda mu biro ebyo, Yekolaamu mutabani wa Yekosafaati kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 17 Yali yaakamaze emyaka amakumi asatu mu ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka munaana mu Yerusaalemi.
- 18 N'atambulira mu kkubo lya bakabaka ba Isiraeri ng'ennyumba ya Akabu bwe baakolanga: kubanga yafumbirwa muwala wa Akabu: n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi.
- 19 Naye Mukama teyayagala kuzikiriza Yuda ku lwa Dawudi omuddu we nga bwe yamusuubiza okumuwa ettabaaza olw'abaana be emirembe gyonna.
- 20 Ku mirembe gye Edomu n'ajeema okuva wansi w'omukono gwa Yuda, ne beekolera kabaka.
- 21 Awo Yolaamu n'asomoka n'agenda e Zayiri n'amagaali ge gonna wamu naye: n'agolokoka kiro n'akuba Abaedomu abamuzingiza, n'abaami b'amagaali: abantu ne baddukira mu weema zaabwe.
- 22 Awo Edomu n'ajeema okuva wansi w'omukono gwa Yuda ne leero. Awo Libuna n'ajeema mu biro ebyo.
- 23 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yolaamu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 24 Awo Yolaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikirwa wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi: Akaziya mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 25 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogwa Yolaamu mutabani wa Akabu kabaka wa Isiraeri Akaziya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 26 Yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira omwaka gumu mu Yerusaalemi. Ne nnyina erinnya lye yali Asaliya muwala wa Omuli kabaka wa Isiraeri.
- 27 N'atambulira mu kkubo ly'ennyumba ya Akabu n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi ng'ennyumba ya Akabu bwe baakolanga: kubanga yali mukoddomi wa nnyumba ya Akabu.
- 28 N'agenda ne Yolaamu mutabani wa Akabu okulwana ne Kazayeeri kabaka w'e Busuuli e Lamosugireyaadi: Abasuuli ne bafumita Yolaamu ekiwundu.
- 29 Awo kabaka Yolaamu n'akomawo okuwonera e Yezuleeri ebiwundu Abasuuli bye baamufumitira e Laama bwe yalwana ne Kazayeeri kabaka w'e Busuuli. Akaziya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda n'aserengeta okulambula Yolaamu mutabani wa Akabu e Yezuleeri kubanga alwadde.

Essuula 9

- 1 Awo Erisa nnabbi n'ayita omu ku baana ba bannabbi n'amugamba nti Weesibe ekimyu otwale eccupa eno ey'amafuta mu mukono gwo ogende e Lamosugireydi.
- 2 Kale bw'olituukayo onoonyezanga eyo Yeeku mutabani wa Yekosafaati mutabani wa Nimusi, oyingire omugolokose ave mu baganda be, omuyingize mu kisenge eky'omunda.
- 3 Olyoke oddire eccupa ey'amafuta ogafuke ku mutwe gwe oyogere nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Nkufuseeko amafuta okuba kabaka wa Isiraeri. Olyoke oggulewo oluggi odduke so tolwanga.

- 4 Awo omulenzi, omulenzi nnabbi, n'agenda e Lamosugireyaadi.
- 5 Awo bwe yatuuka n'asanga abaami ab'omu ggye nga batudde; n'ayogera nti Ndiko kye ntumiddwa gy'oli, ggwe omwami. Yeeku n'ayogera nti Eri ani ku ffe fenna? N'ayogera nti Eri ggwe, omwami.
- 6 N'agolokoka n'ayingira mu nnyumba; n'afuka amafuta ku mutwe gwe n'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Nkufuseeko amafuta okuba kabaka w'abantu ba Mukama, owa Isiraeri.
- 7 Era olikuba ennyumba ya Akabu mukama wo mpalane eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu bange bannabbi, n'omusaayi gw'abaddu bonna aba Mukama eri omukono gwa Yezeberi.
- 8 Kubanga ennyumba yonna eya Akabu erizikirira: era ndimalawo eri Akabu buli mwana wa bulenzi n'oyo asibiddwa n'oyo atasibiddwa mu Isiraeri:
- 9 Era ndifuula ennyumba ya Akabu okuba ng'ennyumba ya Yerobowmu mutabani wa Nebati era ng'ennyumba ya Baasa mutabani wa Akiya.
- 10 N'embwa ziririira Yezeberi mu musiri ogw'e Yezuleeri, so tewaliba wa kumuziika. N'aggulawo oluggi n'adduka.
- 11 Awo Yeeku n'afuluma n'ajja eri abaddu ba mukama we: ne waba amugamba nti Mirembe? kiki ekireese gy'oli olusajja luno olulalu? N'abagamba nti Omuajja mumu-manyi n'ebigambo bye bwe bibadde.
- 12 Ne boogera nti olimba; tubuulire nno. N'ayogera nti Bw'ati bw'ati bw'aambye nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Nkufuseeko amafuta okuba kabaka wa Isiraeri.
- 13 Awo ne banguwa ne baddira buli muntu ekyambalo kye ne bakyaliira wansi we wag-gulu ku madaala, ne bafuuwa ekkondeere nga boogera nti Yeeku ye kabaka.
- 14 Awo Yeeku mutabani wa Yekosafaati mutabani wa Nimusi ne yeekobaana Yolaamu. (Era Yolaamu yali ng'akuuma Lamosugireyaadi) ye ne Isiraeri yenna, olwa Kazayeeri kabaka w'e Busuuli:
- 15 naye kabaka Yolaamu yali akomyewo okuwonera e Yezuleeri ebiwundu Abasuuli bye baamufumita bwe yalwana ne Kazayeeri kabaka w'e Busuuli.) Awo Yeeku n'ayogera nti Oba nga bwe mwagala bwe mutyo, kale waleme okubaawo anaawona n'ava mu kibuga okugenda okukibuulira mu Yezuleeri.
- 16 Awo Yeeku n'atambulira mu ggaali n'agenda e Yezuleeri; kubanga Yolaamu yali agalamidde eyo. Era Akaziya kabaka wa Yuda yali aserengese okulambula Yolaamu.
- 17 Awo omukuumi yali ayimiridde ku kigo mu Yezuleeri, n'alengera ekibiina kya Yeeku ng'ajja n'ayogera nti Ndabye ekibiina. Yolaamu n'ayogera nti Ddira eyeebagala embalaasi otume okubasisinkana, ayogere nti Mirembe?
- 18 Awo omu n'agenda nga yeebagadde embalaasi okumusisinkana n'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera kabaka nti Mirembe? Yeeku n'ayogera nti Emirembe ogifaako ki? kyuka odde ennyuma wange. Omukuumi n'abuulira ng'ayogera nti Omubaka atuuse gye bali, naye tadda.
- 19 Awo n'atuma ow'okubiri nga yeebagadde embalaasi, n'atuuka gye baali n'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera kabaka nti Mirembe? Yeeku n'addamu nti Emirembe ogifaako ki? kyuka odde ennyuma wange.
- 20 Omukuumi n'abuulira ng'ayogera nti Atuuse gye bali, so tadda: era entambula erianga entambula ya Yeeku mutabani wa Nimusi; kubanga atambula ng'awulukuka.
- 21 Yolaamu n'ayogera nti Muteeketeke. Ne bateekateeka eggaali lye. Yolaamu kabaka wa Isiraeri ne Akaziya kabaka wa Yuda ne bafuluma, buli muntu mu ggaali lye, ne bafuluma okusisinkana Yeeku, ne bamusanga mu musiri gwa Nabosi Omuyezuleeri.
- 22 Awo olwatuuka Yolaamu bwe yalaba Yeeku n'ayogera nti Mirembe, Yeeku? N'addamu nti Mirembe ki, obwenzi bwa nnyoko Yezeberi n'obulogo bwe nga bukyali bungi obwenkanidde awo?

- 23 Yolaamu n'akyusa emikono gye n'adduka n'agamba Akaziya nti O! Akaziya, waliwo olukwe.
- 24 Awo Yeeku n'anaanuula omutego gwe n'amaanyi ge gonna n'alasa Yolaamu wakati w'emikono gye, akasaale ne kayitamu ne kagguka awali omutima, n'agwira mu ggaali lye.
- 25 Awo Yeeku n'agamba Bidukali omwami we nti Musitule omusuule mu musiri ogw'ekyalo kya Nabosi Omuyezuleeri: kubanga jjukira, nze naawe bwe twebagala, fembi nga tugoberera Akabu kitaawe, Mukama n'amuteekako omugugu guno; nti
- 26 Mazima nalabye jjo omusaayi gwa Nabosi n'omusaayi gw'abaana be, bw'ayogera Mukama; era ndikusasulira mu musiri guno, bw'ayogera Mukama. Kale nno musitule omusuule mu musiri ng'ekigambo bwe kyali ekya Mukama.
- 27 Naye Akaziya kabaka wa Yuda bwe yalaba kino, n'addukira mu kkubo ery'omu nnyumba ey'olusuku. Yeeku n'amugoberera n'ayogera nti Mumuttire mu ggaali naye: ne bamuttira awalinyirwa okugenda e Guli ekiriraanye Ibuleamu. N'addukira e Megiddo n'afira eyo.
- 28 Abaddu be ne bamusitulira mu ggaali ne bamutwala e Yerusalemi, ne bamuziikira mu ntaana ye wamu ne bajjajjbe mu kibuga kya Dawudi.
- 29 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu ogwa Yolaamu mutabani wa Akabu Akaziya n'atanula okufuga Yuda.
- 30 Awo Yeeku bwe yatuuka e Yezuleeri, Yezeberi n'akiwulira, n'aziga amaaso ge n'ayonja omutwe gwe n'alingiza mu ddirisa.
- 31 Awo Yeeku bwe yali ng'ayingira mu mulyango, n'ayogera nti Mirembe, ggwe Zimuli, omussi wa mukama wo?
- 32 N'ayimusa amaaso ge eri eddirisa n'ayogera nti Ani ali ku lwange, ani? Abalaawe babiri oba basatu ne balingiza gy'ali.
- 33 N'ayogera nti Mumusuule wansi. Awo ne bamusuula wansi: omusaayi gwe ne guman-sukirako ku kisenge ne ku mbalaasi, n'amulinyirira n'ebigere.
- 34 Awo bwe yayingira n'alya n'anywa; n'ayogera nti Mulabirire nno omukazi ono eyakolimirwa mumuziike: kubanga mwana wa kabaka.
- 35 Ne bagenda okumuziika: naye ne batasangawo ku ye wabula ekiwanga n'ebigere n'ebibatu by'emikono gye.
- 36 Kyebaava bakomawo ne bamubuulira. Naye n'ayogera nti Kino kye kigambo kya Mukama kye yayogerera mu muddu we Eriya Omutisubi ng'ayogera nti Embwa ziririira omubiri gwa Yezeberi mu musiri ogw'e Yezuleeri:
- 37 n'omulambo gwa Yezeberi guliba ng'obusa ku ttale mu musiri ogw'e Yezuleeri, n'okwogera ne batayogera nti Ono ye Yezeberi.

Essuula 10

- 1 Awo Akabu yalina batabani be nsanvu mu Samaliya. Yeeku n'awandiika ebbaluwa n'atumira Samaliya eri abakulu b'e Yezuleeri, be bakadde, n'eri abo abaalera batabani ba Akabu ng'ayogera nti
- 2 Kale nno ebbaluwa eno nga kyejje etuuke gye muli, kubanga abaana ba mukama wammwe bali nammwe, era mulina amagaali n'e mbalaasi, era n'ekibuga ekiriko enkomera n'ebiyokulwanyisa;
- 3 munoonye ku baana ba mukama wammwe asinga obulungi n'okusaana, mumuteeke ku ntebe ya kitaawe, mulwanirire ennyumba ya mukama wammwe.
- 4 Naye ne batya nnyo ne boogera nti Laba, bakabaka abo ababiri tebaayimirira mu maaso ge: kale ffe tunaayimirira tutya?
- 5 Awo omukulu w'abo mu nnyumba n'omukulu w'ekibuga, era n'abakadde n'abo

abailera abaana, ne batumira Yeeku nga boogera nti Tuli baddu bo, era tunaakola byonna by'onootulagira: tetujja kufuula muntu yenna kabaka: okolanga ekinaaba ekirungi mu maaso go.

- 6 Awo n'abawandiikira ebbaluwa omulundi ogw'okubiri ng'ayogera nti Oba nga muli ku lwange ne mukkiriza okuwulira eddoboosi lyange, mutwale emitwe gy'abasajja batabani ba mukama wammwe, mujje gye ndi e Yezuleeri enkya bwe buliba nga kampegaano. Awo batabani ba kabaka abantu nsanvu baali n'abakulu b'ekibuga abaa-balera.
- 7 Awo olwatuuka ebbaluwa bwe yatuuka gye baali, ne batwala batabani ba kabaka ne babatta, abantu nsanvu, ne bateeka emitwe gyabwe mu bisero, ne bagimuweereza e Yezuleeri.
- 8 Omubaka n'ajja n'amubuulira nti Baleese emitwe gya batabani ba kabaka. N'ayogera nti Mugituume entuumo bbiri awayingirirwa mu wankaaki okutuusa enkya.
- 9 Awo olwatuuka enkya n'afuluma n'ayimirira n'agamba abantu bonna nti Mmwe muli batuukirivu: laba, neekobaana mukama wange ne mmutta: naye ani asse bano bonna?
- 10 Mutegeere nno nga ku kigambo kya Mukama tekuligwa wansi na kimu Mukama kye yayogera ku nnyumba ya Akabu: kubanga Mukama akoze ekyo kye yayogerera mu muddu we Eriya.
- 11 Bw'atyo Yeeku n'akuba n'abo abaasigala ku nnyumba ya Akabu mu Yezuleeri n'abakulu be bonna, ne baganzi be ne bakabona be okutuusa lw'ataamulekerawo n'omu eyasigala.
- 12 Awo n'agolokoka n'agenda n'ajja e Samaliya. Awo bwe yali ali mu kkubo ku nnyumba ey'okusaliramu ebyoya by'endiga ey'abasumba,
- 13 Yeeku n'asanga baganda ba Akaziya kabaka wa Yuda, n'ayogera nti Mmwe muli b'ani? Ne bamuddamu nti Tuli baganda ba Akaziya: era tuserengeta okulamusa abaana ba kabaka n'abaana ba nnamasole.
- 14 N'ayogera nti Mubakwate nga balamu. Ne babakwata nga balamu, ne babattira ku bunnya obw'ennyumba ey'okusaliramu ebyoya by'endiga, abasajja amakumi ana mu babiri; so teyafissaawo n'omu ku bo.
- 15 Awo bwe yavaayo n'asanga Yekonadabu mutabani wa Lekabu ng'ajja okumusinkana: n'amulamusa n'amugamba nti Omutima gwo mulungi ng'omutima gwange bwe guli eri omutima gwo? Yekonadabu n'addamu nti Mulungi. Oba nga mulungi, mpa omukono gwo. N'amuwa omukono gwe; n'amulinnyisa gy'ali mu ggaali.
- 16 N'ayogera nti Jjangu tugende fembi olabe obuggya bwange olwa Mukama. Awo ne bamulinnyisa mu ggaali lye:
- 17 Awo bwe yatuuka e Samaliya n'atta bonna absigalira Akabu mu Samaliya okutuusa lwe yamuzikiriza ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yagamba Eriya.
- 18 Awo Yeeku n'akuaanya abantu bonna n'abagamba nti Akabu yaweerezanga Baali katono; naye Yeeku anmuweereza nnyo.
- 19 Kale nno muyite gye ndi bannabbi bonna aba Baali, abamusinza bonna ne bakabona be bonna; waleme okubulawo n'omu: kubanga nnina ssaddaaka enkulu gye nnaaweereza Baali; buli alibulawo taliba mulamu. Naye Yeeku yakola bw'atyo ng'asala lukwe alyoke azikirize abaasinza Baali.
- 20 Awo Yeeku n'ayogera nti Mutukuze okukuaana okutukuvu eri Baali. Ne bakulangira.
- 21 Awo Yeeku n'atuma okubunya Isiraeri yonna: abaasinza Baali bonna ne bajja n'okusigala n'etasigala muntu atajja. Ne bajja mu nnyumba ya Baali; ennyumba ya Baali n'ejjula okuva ku mulyango okutuuka ku buziizi.
- 22 Awo n'agamba omukulu w'ennyumba eyambalirwamu nti Fulumya ebyambalo eri bonna abasinza Baali. N'afulumya ebyambalo eri bo.
- 23 Yeeku ne Yekonadabu mutabani wa Lekabu ne bayingira mu nnyumba ya Baali;

n'agamba abasinza Baali nti Munoonye mulabe muleme okuba muno nammwe ku baddu ba Mukama, wabula abasinza Baali bokka.

- 24 Awo ne bayingira okuwaayo ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa. Era Yeeku yali ataddewo abasajja kinaana ebweru n'ayogera nti Ku basajja be nnaaleeta mu mikono gyammwe bwe kunaabulako n'omu, amuta obulamu bwe bunaaba mu kifo ky'obulamu bw'oyo.
- 25 Awo olwatuuka bwe yamala okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa, Yeeku n'agamba abambowa n'abaami nti Musingire mubatte; waleme okufuluma n'omu. Ne babatta n'obwogi bw'ekitala: awo abambowa n'abaami ne babasuula ebweru ne bagenda mu kibuga eky'essabo lya Baali.
- 26 Awo ne baggya empagi ezaali mu nnyumba ya Baali ne bazookya.
- 27 Ne bamenyamenya empagi ya Baali ne bamenyamenya essabo lya Baali ne balifuula ekiyigo ne leero.
- 28 Bw'atyo Yeeku bwe yazikiriza Baali okumumalawo mu Isiraeri.
- 29 Era naye Yeeku teyaleka kugoberera bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri, ennyana eza zaabu ezaali mu Beseri n'ezaali mu Ddaani.
- 30 Mukama n'agamba Yeeku nti Kubanga okoze bulungi ng'otuukirizza ebiri mu maaso gange ebirungi, n'okola ennyumba ya Akabu nga byonna bwe biri ebyali mu mutima gwange, batabani bo bannakana kyebaliva batuula ku ntebe ya Isiraeri.
- 31 Naye Yeeku n'atassaayo mwoyo okutambulira mu mateeka ga Mukama Katonda wa Isiraeri n'omutima gwe gwonna; teyava mu bibi bya Yerobowaamu bye yayonoonyesa Isiraeri.
- 32 Mu biro ebyo Mukama n'atanula okukendeeza Isiraeri: Kazayeeeri n'abakubira mu nsalo zonna eza Isiraeri;
- 33 okuva ku Yoludaani ebuwanjuba, ensi yonna ey'e Gireydi, Abagaadi n'Abalewubeeni n'Abamanase, okuva ku Aloweri ekiriraanye ekiwonvu kya Alunoni, Gireyaadi ne Basani.
- 34 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yeeku ne byonna bye yakola, n'amaanyi ge gonna tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 35 Yeeku ne yeebakira wamu ne bajajjaabe: ne bamuziika mu Samaliya. Yekoyakaazi mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 36 Era ebiro Yeeku bye yafugira Isiraeri mu Samaliya byali emyaka amakumi abiri mu munaana.

Essuula 11

- 1 Awo Asaliya nnyina Akaziya bwe yalaba omwana we ng'afudde, n'agolokoka n'azikiriza ezzadde lyonna erya kabaka.
- 2 Naye Yekoseba muwala wa kabaka Yolaamu mwannyina Akaziya n'atwala Yowaasi mutabani wa Akaziya n'amubba n'amuggya mu baana ba kabaka abattibwa, ye n'omulezi we n'abateeka mu kisenge eky'okusulamu; ne bamukweka Asaliya, aleme okuttibwa.
- 3 Awo n'abeera naye ng'akwekeddwa mu nnyumba ya Mukama n'amala emyaka mukaaga: Asaliya n'afuga ensi.
- 4 Awo mu mwaka ogw'omusanvu Yekoyaada n'atuma n'akima abaami b'ebikumi ab'oku Bakali n'abambowa, n'abaleeta gy'ali mu nnyumba ya Mukama; n'alagaana nabo endagaano n'abalayiza ekirayiro mu nnyumba ya Mukama, n'abalaga omwana wa kabaka.
- 5 Awo n'abalagira ng'ayogera nti Ekigambo kino kye muba mukola: ekitundu kyammwe eky'okusatu abaayingira ku ssabbiiti banaaba n'omulimu ogw'okukuuma

ennyumba ya kabaka;

- 6 n'ekitundu eky'okusatu banaaba ku mulyango Suuli: n'ekitundu eky'okusatu banaaba ku mulyango ennyumba w'abambowa: bwe mutyo bwe munaaba n'omulimu ogw'okukuuma ennyumba, ne muba lukomera.
- 7 N'ebibiina byammwe ebibiri, bonna abafuluma ku ssabbiiti, muliba n'omulimu ogw'okukuuma ennyumba ya Mukama okwetooloola kabaka.
- 8 Era muneetooloola kabaka enjuyi zonna, buli muntu ng'akutte ebyokulwaanyisa bye mu mukono gwe; n'oyo anaayingira mu nnyiriri attibwe: era mubenga ne kabaka bw'anaafulumanga era bw'anaayingiranga.
- 9 Abaami b'ebikuni ne bakola nga byonna bwe biri Yekoyaada kabona by'alagidde: ne batwala buli muntu abasajja be, ab'okuyingira ku ssabbiiti wamu n'ab'okufulumu ku ssabbiiti, ne bajja eri Yekoyaada kabona.
- 10 Awo kabona n'abawa abaami b'ebikumi amafumu n'engabo ebyali ebya kabaka Dawudi, ebyali mu nnyumba ya Mukama.
- 11 Awo abambowa ne bayimirira, buli muntu ng'akutte ebyokulwanyisa bye, okuva ku luuyi lw'ennyumba olwa ddyo okutuuka ku luuyi lw'ennyumba olwa kkono, okuli-raana ekyoto n'ennyumba awali kabaka enjuyi zonna.
- 12 Awo n'afulumya omwana wa kabaka n'amutikkira engule ey'obwakabaka n'amuwa obujulirwa; ne bamufuula kabaka ne bamufukako amafuta; ne bakuba mu ngalo ne boogera nti Kabaka, abe mulamu.
- 13 Awo Asaliya bwe yawulira oluyoogaano lw'abambowa n'olw'abantu, n'ajja eri abantu mu nnyumba ya Mukama:
- 14 n'atunula, kale, laba, kabaka ng'ayimiridde awali empagi ng'engeri bwe yabanga, n'abaami n'amakondeere nga baliraanye kabaka; n'abantu bonna ab'ensi ne basanyuka ne bafuuwa amakondeere. Awo Asaliya n'ayuza ebyambalo bye n'ayogera waggulu nti Bujeemu, bujeemu.
- 15 Awo Yekoyaada kabona n'alagira abaami b'ebikumi abaateekebwawo ku ggye, n'abagamba nti Mumufulumye wakati w'ennyiriri; n'oyo anaamugoberera mumutte n'ekitala: kubanga kabona yayogera nti Aleme okuttirwa mu nnyumba ya Mukama.
- 16 Awo ne bamusegulira; n'ayita mu kkubo embalaasi we ziyingirira mu nnyumba ya kabaka: n'attirwa eyo.
- 17 Awo Yekoyaada n'alagaana endagaano eri Mukama ne kabaka n'abantu, babeere abantu ba Mukama; era eri kabaka n'abantu.
- 18 Awo abantu bonna ab'omu nsi ne bagenda mu nnyumba ya Baali, ne bagimenyamenya; ebyoto bye n'ebifaananyi bye ne babimenyera ddala, ne battira Matani kabona wa Baali mu maaso g'ebiyoto. Awo kabona n'assaawo abaami ab'oku nnyumba ya Mukama.
- 19 N'atwala abaami b'ebikumi n'Abakali, n'abambowa n'abantu bonna ab'omu nsi omwo; ne baserengesa kabaka nga bamuggya mu nnyumba ya Mukama, ne bajja nga bafulumu mu kkubo ery'omulyango gw'abambowa eri ennyumba ya kabaka.
- 20 Awo abantu bonna ab'omu nsi ne basanyuka, ekibuga ne kitereera: ne battira Asaliya n'ekitala awali ennyumba ya kabaka.
- 21 Yekoyaasi yali yaakamaze emyaka musanvu bwe yatanula okufuga.

Essuula 12

- 1 Mu mwaka ogw'omusanvu ogwa Yeeku Yekoyaasi n'atanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi ana mu Yersaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Zebbiya ow'e Beeruseba.
- 2 Yekoyaasi n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi ennaku ze zonna Yekoyaada

kabona ze yamuyigirizaamu.

- 3 Naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo: abantu nga bakyawaayo ssaddaaka ne bootereza obubaane ku bifo ebigulumivu.
- 4 Awo Yekoyaasi n'agamba bakabona nti Effeeza zonna ez'ebintu ebitukuzibwa ezireetebwa mu nnyumba ya Mukama, eziyitaana, effeeza ez'abantu buli muntu z'awandiikirwa, n'effeeza zonna omuntu yenna ze yettula okuleeta mu nnyumba ya Mukama,
- 5 bakabona bazitwale ewaabwe, buli muntu ng'aziggya ku abo b'amanyi: kale baliziba ebituli by'ennyumba yonna yonna ekituli gye kinaalabikira.
- 6 Naye olwatuuka mu mwaka ogw'amakumi abiri ogwa kabaka Yekoyaasi bakabona nga tebannaziba bituli bya nnyumba.
- 7 Awo kabaka Yekoyaasi n'ayita Yekoyaada kabona ne bakabona abalala n'abagamba nti Kiki ekibalobera okuziba ebituli by'ennyumba? kale nno temweyongera kuggya ffeeza ku abo be mumanyi, naye mugisasule olw'ebituli by'ennyumba.
- 8 Awo bakabona ne bakkiriza obutaggya nate ffeeza ku bantu newakubadde okuziba ebituli by'ennyumba.
- 9 Naye Yekoyada kabona n'addira ebbweta n'awummula ekituli mu kisnikizo kyayo, n'agiteeka ku mabbali g'ekyoto ku luuyi olwa ddyo ng'oyingira mu nnyumba ya Mukama: awo bakabona abaakuumanga oluggi ne bateeka omwo effeeza zonna ezleetebwanga mu nnyumba ya Mukama.
- 10 Awo olwatuuka bwe baalaba nga mu bbweta mulimu effeeza nnyingi, omuwandiisi wa kabaka ne kabona asinga obukulu ne bambuka, ne batereka effeeza eyasangibwa mu nnyumba ya Mukama mu nsawo, ne bazibala.
- 11 Ne bawa effeeza ezaagerebwa mu mikono gy'abo abaakola emirimu abaalabirira ennyumba ya Mukama: ne baziwo eri ababazzi n'abazimbi abaakola emirimu gy'ennyumba ya Mukama,
- 12 n'eri abazimbi b'amayinja n'abatema amayinja n'olw'okugula emiti n'amayinja amabajje okuziba ebituli by'ennyumba ya Mukama, n'olwa byonna ebyajjirira ennyumba okugiddaabiriza.
- 13 Naye ebikompe ebya ffeeza n'ebisalako ebisiriiza n'ebibya n'amakondeere n'ebintu byonna ebya zaabu oba ebintu ebya ffeeza tebyakolerwa nnyumba ya Mukama n'effeeza ezaaletebwa mu nnyumba ya Mukama:
- 14 kubanga ezo ne baziwa abo abaakola emirimu, era ne baziddaabirizisa ennyumba ya Mukama.
- 15 Era tebaalabirira muwendo eri abasajja be baawa effeeza mu mukono gwabwe okubawa abo abaakola emirimu: kubanga baakolanga n'obwesigwa.
- 16 Effeeza ez'ebiwewayo olw'omusango n'effeeza ez'ebiwewayo olw'okwonoona tezaaletebwa mu nnyumba ya Mukama: zaabanga za bakabona.
- 17 Awo Kazayeeeri kabaka w'e Busuuli n'ayambuka n'alwana ne Gaasi n'akimenya: Kazayeeeri n'asimba amaaso ge okwambuka e Yerusalemi.
- 18 Awo Yekoyaasi kabaka wa Yuda n'addira ebintu byonna ebyatukuzibwa, Yekosafaati ne Yekolaamu ne Akaziya bajajjaabe bassekabaka ba Yuda bye baawonga, n'ebintu bye ye ebyatukuzibwa n'ezaabu yonna eyalabika mu by'obugagga eby'omu nnyumba ya Mukama n'eby'omu nnyumba ya kabaka, n'abiweereza Kazayeeeri kabaka w'e Busuuli: n'ava ku Yerusalemi.
- 19 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yowaasi ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 20 Abaddu be ne bagolokoka ne beekobaana ne battira Yowaasi awali ennyumba ey'e Miiri ku kkubo eriserengeta e Sirra.
- 21 Kubanga Yozakali mutabani wa Simeyaasi ne Yekozabadi mutabani wa Someri,

abaddu be baamufumita n'afa; ne bamuziikira wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi: Amaziya mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 13

- 1 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu esatu ogwa Yowaasi mutabani wa Akaziya kabaka wa Yuda Yekoyakaazi mutabani wa Yeeku n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya n'afugira emyaka kkumi na musanvu.
- 2 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi n'agoberera ebibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri; teyabivaamu.
- 3 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuukira Isiraeri, n'ebagabula mu mukono gwa Kazayeeri kabaka w'e Busuuli ne mu mukono gwa Benikadadi mutabani wa Kazayeeri ennaku zonna.
- 4 Awo Yekoyakaazi n'amwegayirira Mukama, Mukama n'amuwulira: kubanga yalaba okujoogebwa kwa Isiraeri kabaka w'e Busuuli bwe yabajooga.
- 5 (Awo Mukama n'awa Isiraeri omulokozi n'okuva ne bava wansi w'omukono gw'Abasuuli: abaana ba Isiraeri ne babeera mu weema zaabwe ng'olubereberye.
- 6 Naye ne batava mu bibi by'ennyumba ya Yerobowaamu bye yayonoonyesa Isiraeri, naye ne batambulira omwo: ne Baasera ne basigala mu Samaliya.)
- 7 Kubanga teyalekera Yekoyakaazi ku bantu wabula abasajja abeebagala embalaasi amakumi ataano n'amagaali kkumi n'abatambula n'ebigere kakumi; kubanga kabaka w'e Busuuli yabazikiriza, n'abafuula ng'enfuufu ey'omu gguuliro.
- 8 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yekoyakaazi ne byonna bye yakola n'amaanyi ge tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 9 Yekoyakaazi ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe; ne bamuziika mu Samaliya: Yowaasi mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 10 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu musanvu ogwa Yowaasi kabaka wa Yuda Yekoyakaazi mutabani wa Yekoyakaazi n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya, n'afugira emyaka kkumi na mukaaga.
- 11 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi; teyava mu bibi byonna ebya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri: naye n'atambulira omwo.
- 12 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yowaasi ne byonna bye yakola n'amaanyi ge ge yalwanyisa ne Amaziya kabaka wa Yuda tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 13 Yowaasi ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe; Yerobowaamu n'atuula ku ntebe ye: Yowaasi n'aziikirwa mu Samaliya wamu ne bassekabaka ba Isiraeri.
- 14 Awo Erisa yali alwadde endwadde ye eyamutta: Yowaasi kabaka wa Isiraeri n'aserengeta gy'ali n'amukaabira amaziga n'ayogera nti Kitange, kitange, amagaali ga Isiraeri n'abasajja be abeebagala embalaasi!
- 15 Erisa n'amugamba nti Ddira omutege n'obusaale: n'addirira omutege n'obusaale.
- 16 N'agamba kabaka wa Isiraeri nti Teeka omukono gwo ku mutego: n'aguteekako omukono. Erisa n'ateeka emikono gye ku mikono gya kabaka.
- 17 N'ayogera nti Ggulawo eddirisa ery'ebuvanjuba: n'aliggulawo. Awo Erisa n'ayogera nti Lasa: n'alasa. N'ayogera nti Akasaale ka Mukama ak'obulokozi, ke kasaale ak'obulokozi eri Obusuuli: kubanga olikuba Abasuuli mu Afeki okutuusa lw'olibamalawo.
- 18 N'ayogera nti Ddira obusaale: n'abuddira. N'agamba kabaka wa Isiraeri nti Kuba ku ttaka: n'akuba emirundi esatu n'alekera awo.
- 19 Omusajja wa Katonda n'amusunguwalira n'ayogera nti Wandikubye emirundi etaano oba mukaaga; kale wandikubye Obusuuli okutuusa lwe wandibuzikirizza: naye

kaakano olikuba Obusuuli emirundi esatu gyokka.

- 20 Awo Erisa n'afa ne bamuziika. Era ebibiina by' Abamowaabu ne bazindanga ensi omwaka bwe gwayingiranga.
- 21 Awo olwatuuka bwe baali nga baziika omusajja, kale, laba, ne balaba ekibiina; ne basuula omusajja mu ntaana ya Erisa: awo omusajja nga kyajje akome ku magumba ga Erisa, n'alamuka n'ayimirira n'ebigere.
- 22 Kazayeeri kabaka w'e Busuuli n'ajoogera Isiraeri emirembe gyonna egya Yekoy-akaazi.
- 23 Naye Mukama n'abakwatirwa ekisa n'abasaasira n'assaayo omwoyo eri bo, olw'enda-gaano ye gye yalagaana ne Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo, n'atayagala kubazikiriza, wadde okubagoba mu maaso ge mu biro ebyo.
- 24 Awo Kazayeeri kabaka w'e Busuuli n'afa; Benikadadi mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 25 Awo Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi n'aggya nate mu mukono gwa Benikadadi mutabani wa Kazayeeri ebibuga bye yali aggye mu mukono gwa Yekoyakaazi kitaawe ng'alwana. Yowaasi n'amukuba emirundi esatu, n'akomyawo ebibuga bya Isiraeri.

Essuula 14

- 1 Mu mwaka ogw'okubiri ogwa Yowaasi mutabani wa Yowakaazi kabaka wa Isiraeri Amaziya mutabani wa Yowaasi kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 2 Yali yakamaze emyaka makumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Yekoyadiini ow'e Yerusaalemi.
- 3 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi, naye nga tamwenkana Dawudi kitaawe bye yakola nga byonna bwe byali Yowaasi kitaawe bye yakolanga.
- 4 Naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo: abantu nga bakyawaayo ssaddaaka era nga bootereza obubaane ku bifo ebigulumivu.
- 5 Awo olwatuuka obwakabaka nga kye bujje bunywezebwe mu mukono gwe n'alyoka atta abaddu be abatta kabaka kitaawe:
- 6 naye abaana b'abassi teyabatta: ng'ebyo bwe biri ebyawandiikibwa mu kitabo eky'amateeka ga Musa, nga Mukama bwe yalagira ng'ayogera nti Bakitaabwe tebat-tibwanga ku lw'abaana, so n'abaana tebatibwanga ku lwa bakitaabwe; naye buli muntu anaafanga olw'okwonoona kwe ye.
- 7 Ku Edomu n'attirako kakumi mu Kiwonvu eky'Omunnyo, n'amenya Seera ng'alwana, n'akituuma erinnya lyakyo Yokuseeri ne leero.
- 8 Awo Amaziya n'atuma ababaka eri Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi mutabani wa Yeeku kabaka wa Isiraeri: ng'ayogera nti Jjangu tulabagane n'amaaso.
- 9 Awo Yekoyaasi kabaka wa Isiraeri n'atumira Amaziya kabaka wa Yuda ng'ayogera nti Omwennyango ogw'ali ku Lebanoni gwatumira omuvule ogwali ku Lebanoni nga gwogera nti Muwe muwala wo mutabani wange amufumbirwe: awo ensolo ey'omu nsiko eyali ku Lebanoni n'eyitawo n'erinnyirira omwennyango.
- 10 Mazima okubye Edomu, n'omutima gwo kukugulumizizza okyenyumiririzeemu obeere eka; kubanga lwaki okweyingiza mu bitali bibyo n'ofiirwa, n'ogwa ggwe ne Yuda wamu naawe?
- 11 Naye Amaziya n'atakkiriza kuwulira. Awo Yekoyaasi kabaka wa Isiraeri n'atabaala; ye ne Amaziya kabaka wa Yuda ne balabaganira n'amaaso e Besusemesi ekya Yuda.
- 12 Yuda n'agobebwa mu maaso ga Isiraeri; ne baddukira buli muntu mu weema ye.
- 13 Awo Yekoyaasi kabaka wa Isiraeri n'awambira Amaziya kabaka wa Yuda mutabani wa Yekoyaasi mutabani wa Akaziya e Besusemesi, n'ajja e Yerusaalemi n'amenyamenya

bbugwe wa Yerusaalemi, okuva ku mulyango gwa Efulayimu okutuuka ku mulyango ogw'oku nsonda, emikono ebikumi bina.

- 14 N'anyaga ezaabu n'effeeza yonna n'ebintu byonna ebyalabika mu nnyumba ya Mukama ne mu by'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka, era n'ab'emisango, n'addayo e Samaliya.
- 15 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yekoyaasi bye yakola n'amaanyi ge era bwe yalwana ne Amaziya kabaka wa Yuda tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 16 Yekoyaasi ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikirwa mu Samaliya wamu ne bakabaka ba Isiraeri; Yerobowaamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 17 Awo Amaziya mutabani wa Yowaasi kabaka wa Yuda n'amala emyaka kkumi n'etaano Yekoyaasi mutabani wa Yekoyakaazi kabaka wa Isiraeri ng'amaze okufa.
- 18 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Amaziya tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya basse kabaka ba Yuda?
- 19 Ne bamwekobaanira mu Yerusaalemi; n'addukira e Lakisi: naye ne batuma Erakisi okumugoberera ne bamuttira eyo.
- 20 Ne bamuleetera ku mbalaasi: n'aziikibwa mu Yerusaalemi wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi.
- 21 Awo abantu bonna aba Yuda ne batwala Azaliya eyali yaakamaze emyaka kkumi na mukaaga, ne bamufuula kabaka mu kifo kya kitaawe Amaziya.
- 22 Ye yazimba Erasi n'akizza eri Yuda, kabaka ng'amaze okwebakira awamu ne bajjajjaabe.
- 23 Mu mwaka ogw'ekkumi n'etaano ogwa Amaziya mutabani wa Yowaasi kabaka wa Yuda Yerobowaamu mutabani wa Yowaasi kabaka wa Isiraeri n'atanula okufuga mu Samaliya, n'afugira emyaka amakumi ana mu gumu.
- 24 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi: teyava mu bibi byonna ebya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri.
- 25 Yazzaayo ensalo ya Isiraeri okuva awayingirirwa e Kamasi okutuuka ku nnyanja eya Alaba, ng'ekigambo bwe kyali ekya Mukama Katonda wa Isiraeri kye yayogerera mu mukono gw'omuddu we Yona mutabani wa Amitayi nnabbi ow'e Gasukeferi.
- 26 Kubanga Mukama n'alaba okubonyabonyezebwa kwa Isiraeri, nga kuzibu nnyo: kubanga tewaali eyasibibwa newakubadde ataasibibwa, wadde omubeezi eri Isiraeri.
- 27 Mukama n'atayogera ng'alisangula erinnya lya Isiraeri okuva wansi w'eggulu: naye n'abalokolera mu mukono gwa Yerobowaamu mutabani wa Yowaasi.
- 28 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yerobowaamu ne byonna bye yakola n'amaanyi ge bwe yalwana ne bwe yakomezaawo Isiraeri Ddamasiko ne Kamasi ebyabanga ebya Yuda, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 29 Yerobowaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, be bassekabaka ba Isiraeri; Zekkaliya mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 15

- 1 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu musanvu ogwa Yerobowaamu kabaka wa Isiraeri Azaliya mutabani wa Amaziya kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 2 Yali yaakamaze emyaka kkumi na mukaaga bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi ataano mu ebiri mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Yekoliya ow'e Yerusaalemi.
- 3 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga byonna bwe biri kitaawe Amaziya bye yakolanga.

- 4 Naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo: abantu nga bakyaweerayo ssaddaaka era nga bootereza obubaane ku bifo ebigulumivu.
- 5 Awo Mukama n'alwaza kabaka n'okugengewala n'agengewala okutuusa ku lunaku kwe yafiira, n'asulanga mu nnyumba eyayawulwa. Era Yosamu mutabani wa kabaka ye yali saabakaaki ng'asalira abantu ab'omu nsi emisango.
- 6 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Azaliya ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 7 Azaliya ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe; ne bamuziikira wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi: Yosamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 8 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu munaana ogwa Azaliya kabaka wa Yuda Zekkaliya mutabani wa Yerobowaamu n'afugira Isiraeri mu Samaliya emyezi mukaaga.
- 9 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga bajjajjaabe bwe baakolanga: teyava mu bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri.
- 10 Awo Sallumu mutabani wa Yabesi n'amwekobaana n'amufumitira mu maaso g'abantu n'amutta, n'afuga mu kifo kye.
- 11 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Zekkaliya, laba, byawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri.
- 12 Ekya kye kyali ekigambo kya Mukama kye yagamba Yeeku nti Batabani bo balituusa emirembe egy'okuna okutuula ku ntebe ya Isiraeri. Era ne kituukirira bwe kityo.
- 13 Awo Sallumu mutabani wa Yabesi n'atanula okufuga mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwenda ogwa Uzziya kabaka wa Yuda; n'afugira ebbanga ery'omwezi mu Samaliya.
- 14 Awo Menakemu mutabani wa Gaadi n'ayambuka ng'ava e Tiruza n'ajja e Samaliya n'afumitira Sallumu mutabani wa Yabesi mu Samaliya, n'amutta n'afuga mu kifo kye.
- 15 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Sallumu n'okwekoba kwe kwe yeekoba, laba, byawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri.
- 16 Awo Menakemu n'akuba Tifusa ne bonna abaakirimu, n'ensalo zaakyo okuva e Tiruza: kubanga tebaamuggulirawo, kyeyava akikuba; abakazi bonna abaakirimu abaali embuto n'ababaaga.
- 17 Mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwenda ogwa Azaliya kabaka wa Yuda Menakemu mutabani wa Gaadi n'atanula okufuga Isiraeri, n'afugira emyaka kkumi mu Samaliya.
- 18 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi ennaku ze zonna nga tava mu bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri:
- 19 Puli kabaka w'e Bwasuli n'atabaala ensi; Menakemu n'awa Puli talanta za ffeeza lukumi, omukono gwe gubeerenga naye okunyweza obwakabaka mu mukono gwe.
- 20 Menakemu n'asolooza effeeza ku Isiraeri ku basajja bonna abagagga, ku buli musajja ffeeza sekeri amakumi ataano, okuwa kabaka w'e Bwasuli. Awo kabaka w'e Bwasuli n'addayo n'atabeera eyo mu nsi.
- 21 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Menakemu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri?
- 22 Menakemu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe; Pekakiya mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 23 Mu mwaka ogw'amakumi ataano ogwa Azaliya kabaka wa Yuda Pekakiya mutabani wa Menakemu n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya, n'afuga emyaka ebiri:
- 24 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi: teyava mu bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayonoonyesa Isiraeri.
- 25 Awo Peka mutabani wa Lemaliya omwami we n'amwekobaana n'amufumitira mu

Samaliya mu kigo eky'omu nnyumba ya kabaka wamu ne Alugobu ne Aliye; era abasajja amakumi ataano ab'oku Bagireyaadi ne baba wamu naye: n'amutta n'afuga mu kifo kye.

- 26 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Pekakiya ne byonna bye yakola, laba, byawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Isiraeri.
- 27 Mu mwaka ogw'amakumi ataano mu ebiri ogwa Azaliya kabaka wa Yuda Peka mutabani wa Lemaliya n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya, n'afugira emyaka amakumi abiri.
- 28 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi: teyava mu bibi bya Yerobowaamu mutabani wa Nebati bye yayoononyesa Isiraeri.
- 29 Ku mirembe gya Peka kabaka wa Isiraeri Tigulasupireseri kabaka w'e Bwasuli n'ajja n'amanya Iyoni ne Aberubesumka ne Yanowa Kedesi ne Kazoli ne Gireyaadi Ggaliraaya, ensi yonna eya Nafutali; n'abatwala nga basibe e Bwasuli
- 30 Awo Koseya mutabani wa Era ne yeekobaana Peka mutabani wa Lamaliya, n'amufumita n'amutta n'afuga mu kifo kye mu mwaka ogw'amakumi abiri ogwa Yosamu mutabani wa Uzziya.
- 31 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Peka ne byonna bye yakola, laba, byawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Isiraeri.
- 32 Mu mwaka ogw'okubiri ogwa Peka mutabani wa Lemaliya kabaka wa Isiraeri Yosamu mutabani wa Uzziya kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 33 Yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusalemi ne nnyina erinnya lye yali Yerusa muwala wa Zadooki.
- 34 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi: yakola nga byonna bwe biri kitaawe Uzziya bye yakola,
- 35 Naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo: abantu nga bakyaweerayo ssaddaaka era nga bootereza obubaane ku bifo ebigulumivu. N'azimba omulyango ogw'engulu ogw'omu nnyumba ya Mukama,
- 36 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yosamu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 37 Mu biro ebyo Mukama mwe yatanulira okusindika Lezini kabaka w'e Busuuli ne Peka mutabani wa Lemaliya okulwana ne Yuda.
- 38 Awo Yosamu ne Yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikirwa wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi kitaawe: Akazi mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 16

- 1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'omusanvu ogwa Peka mutabani wa Lemaliya Akazi mutabani wa Yosamu kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 2 Akazi yali yaakamaze emyaka amakumi abiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusalemi: n'atakola ebyali mu maaso ga Mukama Katonda we ebirungi nga Dawudi kitaawe.
- 3 Naye n'atambulira mu kkubo lya bassekabaka ba Isiraeri, n'okuyisa n'ayisa mutabani we mu muliro ng'eby'emizizo bwe byali eby'ab'amawanga Mukama be yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 4 N'awangayo saddaaka n'ayoterezanga obubaane ku bifo ebigulumivu ne ku nsozi ne wansi wa buli muti omubisi.
- 5 Awo Lezini kabaka w'e Busuuli ne Peka mutabani wa Lemaliya kabaka wa Isiraeri ne bambuka e Yerusalemi okulwana: ne bazingiza Akazi, naye ne batayinza kumuwan-gula.

- 6 Mu biro ebyo Lezini kabaka w'e Busuuli mwe yakomerezaawo Obusuuli e Erasi n'agoba Abayudaaya mu Erasi: Abasuuli ne bajja e Erasi ne babeera eyo ne leero.
- 7 Awo Akazi n'atumira Tigulasupireseri kabaka w'e Bwasuli ababaka ng'ayogera nti Nze ndi muddu wo era ndi mwana wo : yambuka omponye mu mukono gwa kabaka w'e Busuuli ne mu mukono gwa kabaka wa Isiraeri abangolokokedeko.
- 8 Awo Akazi n'addira ezaabu n'effeeza ezaalabika mu nnyumba ya Mukama ne mu by'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka, n'abiweereza kabaka w'e Bwasuli okuba ekirabo.
- 9 Awo kabaka w'e Bwasuli n'amuwulira: kabaka w'e Bwasuli n'atabaala Ddamasiko n'akimenya, n'atwala abaayo nga basibe e Kiri, n'atta Lezini.
- 10 Awo kabaka Akazi n'agenda e Ddamasiko okusisinkana ne Tigulasupireseri kabaka w'e Bwasuli, n'alaba ekyoto ekyali e Ddamasiko: kabaka Akazi n'aweereza Uliya kabona embala y'ekyoto n'engeri yaakyo ng'omulimu gwakyo gwonna bwe gwali.
- 11 Awo Uliya kabona n'azimba ekyoto nga byonna bwe byali kabaka Akazi bye yaweezeza ng'ayima e Ddamasiko bw'atyo Uliya kabona bwe yakikola kabaka Akazi akisange ng'avudde e Ddamasiko.
- 12 Awo kabaka bwe yajja okuva e Ddamasiko, kabaka n'alaba ekyoto: kabaka n'asemberera ekyoto n'eweerayo ku kyo saddaaka.
- 13 N'ayokya ekyo kye yawaayo ekyokebwa n'ekyo kye yawaayo eky'obutta n'afuka ekyo kye yawaayo ekyokunywa, n'amansira omusaayi gw'ebyo bye yawaayo olw'emirembe ku kyoto.
- 14 Era ekyoto eky'ekikomo ekyali mu maaso ga Mukama n'akiggya mu bwenyi bw'ennyumba wakati w'ekyoto kye n'ennyumba ya Mukama, n'akiteeka ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olw'ekyoto kye.
- 15 Awo kabaka Akazi n'alagira Uliya kabona ng'ayogera nti Oyokeranga ku kyoto ekinene ekiweebwayo ekyokebwa eky'enkya n'ekiweebwayo eky'obutta eky'akawungeezi n'ekiweebwayo ekyokebwa ekya kabaka n'ekikye ekiweebwayo eky'obutta, wamu n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'abantu bonna ab'omu nsi eyo n'ekyabwe ekiweebwayo eky'obutta n'ebyabwe ebiweebwayo ebyokunywa; omansirangako omusaayi gwonna ogw'ekiweebwayo ekyokebwa n'omusaayi gwonna ogwa saddaaka: naye ekyoto eky'ekikomo kinaabanga kya kulagulirako gye ndi.
- 16 Bw'atyo Uliya kabona n'akola nga byonna bwe byali kabaka Akazi bye yalagira.
- 17 Awo kabaka Akazi n'asalako emigo gy'entebe n'aggya ekinaabirwamu ku zo; n'assa ennyanja ng'agiggya ku ntebe ez'ebikomo ezaali wansi waayo, n'agiteeka ku mayinja amaaliire.
- 18 N'ekkubo eryabikkibwako erya ssabbiiti lye baali bazimbye mu nnyumba n'omulyango gwa kabaka ebweru n'alyetoolooza ennyumba ya Mukama olwa kabaka w'e Bwasuli.
- 19 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Akazi bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 20 Akazi ne yebakira wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Dawudi: Keezeekiya mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 17

- 1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogwa Akazi kabaka wa Yuda Koseya mutabani wa Era n'atanula okufuga Isiraeri mu Samaliya, n'afugira emyaka mwenda.
- 2 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi, era naye nga tabenkana bassekabaka ba Isiraeri abaamusooka.
- 3 Salumaneseri kabaka w'e Bwasuli n'amutabaala; Koseya n'afuuka muddu we

n'amuleeteranga ebirabo.

- 4 kabaka w'e Bwasuli n'alaba olukwe mu Koseya; kubanga yali atumidde So kabaka w'e Misiri ababaka, n'atawa kabaka w'e Bwasuli kirabo nga bwe yakolanga buli mwaka: kabaka w'e Bwasuli kyeyava amuteeka mu kkomera n'amusiba.
- 5 Awo kabaka w'e Bwasuli n'atabaala ensi yonna n'ayambuka e Samaliya n'akizingiriza emyaka esatu.
- 6 Mu mwaka ogw'omwenda ogwa Koseya kabaka w'e Bwasuli n'amenya Samaliya, n'atwalira ddala Isiraeri e Bwasuli, n'abateeka mu Kala ne mu Kaboli ku mugga ogw'e Gozani ne mu bibuga eby'Abameedi.
- 7 Awo ne kiba bwe kityo kubanga abaana ba Isiraeri baali boonoonye Mukama Katonda waabwe eyabaggya mu nsi y'e Misiri okuva wansi w'omukono gwa Falaawo kabaka w'e Misiri, ne batya bakatonda abalala,
- 8 ne batambulira mu mateeka g'amawanga Mukama ge yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri ne mu ga bassekabaka ba Isiraeri, ge baateeka.
- 9 Era abaana ba Isiraeri ne bakolanga kyama ebigambo ebitali birungi eri Mukama Katonda waabwe, ne beezimbira ebifo ebigulumivu mu bibuga byabwe byonna, mu kigo eky'omukuumi era ne mu kibuga ekiriko enkomera.
- 10 Era ne beesimbira empagi ne Baasera ku buli lusozi oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi:
- 11 ne booterezanga eyo obubaane ku bifo byonna ebigulumivu ng'amawanga bwe gaakolanga Mukama ge yaggyawo okubasooka; ne bakolanga eby'ekyejo okusun-guwaza Mukama:
- 12 ne baweerezanga ebifaananyi Mukama bye yabagambako nti Temukolanga kigambo kino.
- 13 Era naye Mukama n'ategeerezanga Isiraeri ne Yuda mu mukono gwa buli nnabbi n'ogwa buli mulabi ng'ayogera nti Mukyuke muve mu makubo gammwe amabi mukwatenga ebiragiro byange n'amateeka gange ng'amateeka gonna bwe gali ge nnalagira bajjajjammwe era ge nnabaweereza mu mukono gw'abaddu bange bannabbi.
- 14 Era naye ne bataganya kuwulira naye ne bakakanyazanga ensingo yaabwe ng'ensingo ya bajjajjaabwe abatakkiriza Mukama Katonda waabwe.
- 15 Ne bagaananga amateeka ge n'endagaano ye gye yalagaana ne bajjajjaabwe n'ebyo bye yategeeza gye bali; ne bagobereranga ebirerya ne bafuukanga ba birerya, ne bagobereranga amawanga agabeetoolodde, Mukama ge yabakuutirako baleme okukola okubafaanananga.
- 16 Awo ne baleka ebiragiro byonna ebya Mukama Katonda waabwe, ne beekolera ebifaananyi ebisaanuuse, ennyana bbiri, ne bakola Asera, ne basinzanga eggye lyonna ery'omu ggulu, ne baweerezanga Baali.
- 17 Ne bayisanga abaana baabwe ab'obulenzi n'ab'obuwala mu muliro, ne bakola eby'obufumu n'eby'obulogo, ne beetunda okukola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi, okumusunguwaza.
- 18 Mukama kyeyava asunguwalira ennyo Isiraeri n'abaggya mu maaso ge: tewaali eyasi-galawo wabula ekika kya Yuda kyokka.
- 19 Era ne Yuda ne batakwatanga biragiro bya Mukama Katonda waabwe, naye ne batambuliranga mu mateeka ga Isiraeri ge baateeka.
- 20 Mukama n'agaana ezzadde lyonna erya Isiraeri n'ababoonyaboanyanga n'abagabula mu mukono gw'abanyazi okutuusa lwe yabagoba mu maaso ge.
- 21 Kubanga yayuzaamu Isiraeri okubaggya ku nnyumba ya Dawudi; ne bafuula Yerobowaamu mutabani wa Nebati kabaka: Yerobowaamu n'agoba Isiraeri obutagoberera Mukama, n'abooonyesa okwonoona okunene.

- 22 Awo abaana ba Isiraeri ne batambuliranga mu bibi byonna ebya Yerobowaamu bye yakola; tebabivangamu;
- 23 okutuusa Mukama lwe yaggya Isiraeri mu maaso ge nga bwe yayogera n'omukono gw'abaddu be bonna bannabbi. Awo Isiraeri ne batwalirwa ddala okuva mu nsi yaabwe mu Bwasuli ne leero.
- 24 Awo kabaka w'e Bwasuli n'aleeta abantu ng'abaggya e Babulooni ne Kusa ne Ava ne Kamasi ne Sefavayimu, n'abateeka mu bibuga eby'e Samaliya mu kifo ky'abaana ba Isiraeri: ne balya Samaliya ne batuula mu bibuga byayo.
- 25 Awo olwatuuka bwe baasooka okutuula omwo ne batatya Mukama: Mukama kyeyava asindika mu bo empologoma ne zibattako abamu.
- 26 Kyebaava bagamba kabaka w'e Bwasuli nga boogera nti Amawanga ge watwalira ddala n'obateeka mu bibuga eby'e Samaliya tebamanyi mpisa ya Katonda ow'omu nsi: kyeyava asindika mu bo empologoma, era, laba, zibatta kubanga tebamanyi mpisa ya Katonda ow'omu nsi.
- 27 Awo kabaka w'e Bwasuli n'alagira ng'ayogera nti Mutwaleeyo omu ku bakabona be mwaggyayo, bagende babeere eyo, abayigirize empisa ya Katonda ow'omu nsi.
- 28 Awo omu ku bakabona be baggya mu Samaliya n'ajja n'abeera e Beseri n'abayigiriza bwe kibagwanira okutyanga Mukama.
- 29 Naye buli ggwanga ne beekoleranga bakatonda baabwe bo ne babateeka mu nnyumba ez'ebifo ebigulumivu Abasamaliya bye baali bakoze, buli ggwanga mu bibuga byabwe mwe baabeera.
- 30 Abasajja ab'e Babulooni ne bakola Sukkosubenosi, abasajja ab'e Kuusi ne bakola Nerugali, abasajja ab'e Kamasi ne bakola Asima,
- 31 Abavi ne bakola Nibukazi ne Talutaki, Abasefavayimu ne bookeranga abaana baabwe mu muliro eri Adulammereki ne Anammereki, bakatonda ba Sefavayimu.
- 32 Awo ne batyanga Mukama ne beeyawulira bakabona b'ebifo ebigulumivu nga babaggya mu bo bennyini, abaabweerangayo ssaddaaka mu nnyumba ez'ebifo ebigulumivu.
- 33 Ne batyanga Mukama, ne baweerezanga bakatonda baabwe bo ng'engeri bwe yali ey'amawanga ge baggibwamu okutwalibwa.
- 34 Baakola na buli kati ng'empisa ez'edda bwe zaali: tebaatyanga Mukama so tebaakolanga ng'amateeka gaabwe bwe gaali newakubadde nga bwe baalagirwa newakubadde ng'etteeka n'ebiragirowe biri Mukama bye yalagira abaana ba Yakobo gwe yatuuma Isiraeri;
- 35 Mukama gwe yali alagaanye naye endagaano n'abakuutira ng'ayogera nti Temutyanga bakatonda abalala, so temubakutamiranga, so temubaweerezanga, so temuwangayo ssaddaaka eri bo:
- 36 naye Mukama eyabaggya mu nsi y'e Misiri n'amaanyi amangi n'omukono ogwagololwa oyo gwe mubanga mutya era oyo gwe mubanga mukutamira, era eri oyo gye mubanga muwa ssaddaaka:
- 37 n'amateeka ne bye mwalagirwa ne tawuleti n'ekiragirowe kye yabawandiikira, munaabikwatanga okubikola ennaku zonna; so temutyanga bakatonda abalala:
- 38 n'endagaano gye ndagaanye nammwe temugyerabiranga; so temutyanga bakatonda abalala:
- 39 naye Mukama Katonda wammwe gwe mubanga mutya; era ye anaabalokolanga mu mukono gw'abalabe bammwe bonna.
- 40 Era naye ne batawulira naye ne bakola ng'empisa yaabwe ey'edda bwe yali.
- 41 Awo amawanga gano ne gatyanga Mukama ne baweereza ebifaananyi byabwe ebyole; era n'abaana baabwe bwe batyo n'abaana b'abaana baabwe, nga bajajjaabwe bwe baakolanga, bwe batyo bwe baakola na buli kati.

Essuula 18

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okusatu ogwa Koseya mutabani wa Era kabaka wa Isiraeri Keezeekiya mutabani wa Akazi kabaka wa Yuda n'atanula okufuga.
- 2 Yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusalemi: ne nnyina erinnya lye yali Abi muwala wa Zekkaliya.
- 3 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga byonna bwe byali kitaawe Dawudi bye yakolanga.
- 4 Yaggyawo ebifo ebigulumivu n'amenya empagi n'atamera ddala Baasera: n'amenya- menya omusota ogw'ekikomo Musa gwe yakola; kubanga okutuusa mu biro ebyo abaana ba Isiraeri nga bagwoterereza obubaane; n'aguyita nti Kikomo bukomo.
- 5 Yeesiga Mukama Katonda wa Isiraeri; awo oluvannyuma lwe ne wataba amufaanana mu bakabaka bonna aba Yuda so si mu abo abaamusooka.
- 6 Kubanga yeegatta ne Mukama, teyaleka kumugoberera naye n'akwata ebiragiro bye Mukama bye yalagira Musa.
- 7 Awo Mukama n'abanga naye; buli gye yafulumanga yonna n'alabanga omukisa: n'ajeemera kabaka w'e Bwasuli n'atamuweereza.
- 8 N'akuba Abafirisuuti okubatuusa e Gaza n'ensalo zaakyo, ekigo eky'omukuumi era n'ekibuga ekiriko enkomera.
- 9 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okuna ogwa kabaka Keezeekiya, gwe mwaka ogw'omusanvu ogwa Koseya mutabani wa Era kabaka wa Isiraeri Salumaneseri kabaka w'e Bwasuli n'atabaala Samaliya n'kizingiza.
- 10 Awo emyaka esatu bwe gyayitawo ne bakimenya: mu mwaka ogw'omukaaga ogwa Keezeekiya, gwe mwaka ogw'omwenda ogwa Koseya kabaka wa Isiraeri, Samaliya ne kimenyebwa.
- 11 Awo kabaka w'e Bwasuli n'atwalira ddala Isiraeri e Bwasuli, n'abateeka mu Kala ne mu Kaboli ku mugga ogw'e Gozani, ne mu bibuga eby'Abameedi:
- 12 kubanga tebaagondera ddooboozi lya Mukama Katonda waabwe, naye ne basobya endagaano ye, byonna Musa omuddu wa Mukama bye yalagira, ne batakkiriza kubi- wulira newakubadde okubikola.
- 13 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'ena ogwa kabaka Keezeekiya Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'atabaala ebibuga byonna ebiriko enkomera ebya Yuda, n'abimenya.
- 14 Awo Keezeekiya kabaka wa Yuda n'atumira kabaka w'e Bwasuli e Lakisi ng'ayogera nti Nnyonoonye; ddayo onveeko: by'ononsalira nnaabikkiriza. Kabaka w'e Bwasuli n'asalira Keezeekiya kabaka wa Yuda effeeza talanta ebikumi bisatu n'ezaabu talanta amakumi asatu.
- 15 Era Keezeekiya n'amuwa effeeza yonna eyalabika mu nnyumba ya Mukama ne mu by'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka.
- 16 Mu biro ebyo Keezeekiya n'asala ezaabu ku nzigi za yeekaalu ya Mukama ne kumpagi Keezeekiya kabaka wa Yuda ze yali abisseeko, n'agiwa kabaka w'e Bwasuli.
- 17 Awo kabaka w'e Bwasuli n'atuma Talutani ne Labusalisi ne Labusake ng'ayima e Lakisi eri kabaka Keezeekiya, nga balina eggye lingi, e Yerusalemi. Ne batabaala ne bajja e Yerusalemi. Awo nga batabadde ne bajja ne bayimirira awali olusalosalo olw'ekidiba ekyengulu ekiri mu luguudo olw'ennimiro y'omwozi w'engoye.
- 18 Awo bwe baayita kabaka, ne wafuluma eri bo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya eyali saabakaaki ne Sebuna omuwandiisi ne Yowa mutabani wa Asafu omujjukiza.
- 19 Awo Labusake n'abagamba nti Mugambe nno Keezeekiya nti Bw'atyo bw'ayogera kabaka omukulu kabaka w'e Bwasuli nti Bwesige ki bunu bwe weesiga? nti
- 20 Oyogera, naye bigambo bya mu kamwa bumwa, nti Waliwo amagezi n'amaanyi

ag'okulwana: Ani nno gwe weesiga n'okujeema n'onjeemera?

- 21 Laba nno weesiga omuggo ogw'olumuli luno olwatifu, ye Misiri; omuntu bw'aneesigama okwo, lunaayingira mu mukono gwe ne lugufumita: bw'atyo Falaawo kabaka w'e Misiri bw'ali eri abo bonna abamwesiga.
- 22 Naye bwe munaamba nti Twesiga Mukama Katonda waffe: si ye wuuyo Keezeekiya gw'aggidewo ebifo bye ebigulumivu n'ebyoto bye, n'agamba Yuda ne Yerusalemi nti Munaasinzizanga mu maaso g'ekyoto kino mu Yerusalemi?
- 23 Kale nno, nkwegayiridde, muwe emisingo mukama wange kabaka w'e Bwasuli, nange naakuwa embalaasi enkumi bbiri, ggwe ku bubwo bw'onooyinza okuziteekako abazeebagala.
- 24 Kale onooyinza otya okukyusa amaaso g'omwami omu ku abo abasinga obuto ku baddu ba mukama wange, ne weesiga Misiri olw'amagaali n'abeebagala embalaasi.
- 25 Nze ntabadde ekifo kino kaakano awatali Mukama okukizikiriza? Mukama ye yaamba nti Tabaala ensi eno ogizikirize.
- 26 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya ne Sebuna ne Yowa ne bagamba Labusake nti Nkwegayiridde, yogera n'abaddu bo mu lulimi Olusuuli; kubanga tulutegeera: so toyogera naffe mu lulimi olw'Abayudaaya mu matu g'abantu abali ku bbugwe.
- 27 Naye Labusake n'abagamba nti Mukama wange yantumira mukama wo naawe okwogera ebighambo bino? tantumidde basajja abatuula ku bbugwe, okulya amazi gaabwe bo n'okunywera enkali yaabwe bo wamu nammwe?
- 28 Awo Labusake n'ayimirira n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene mu lulimi olw'Abayudaaya n'ayogera nti Muwulire ekigambo kya kabaka omukulu kabaka w'e Bwasuli.
- 29 Bw'atyo bw'ayogera kabaka nti Keezeekiya tabalimbanga, kubanga taliyinza kubalokola mu mukono gwe:
- 30 so Keezeekiya tabeesizanga Mukama ng'ayogera nti Mukama talirema kutulokola, n'ekibuga kino tekirigabulwa mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli.
- 31 Temuwulirizanga Keezeekiya: kubanga bw'atyo bw'ayogera kabaka w'e Bwasuli nti Mutabagane nange mufulume gye ndi; ne mulya buli muntu ku muzabbibu gwe na buli muntu ku mutiini gwe, ne munywa buli muntu amazzi ag'omu kidiba kye ye;
- 32 okutuusa lwe ndijja ne mbatwalira ddala mu nsi efaanana ensi yammwe, ensi ey'eaano n'omwenge, ensi ey'emigaati n'ensuku ez'emizabbibu, ensi ey'amafuta aga zeyituuni n'omubisi gw'enjuki, mube balamu muleme okufa: so temuwulirizanga Keezeekiya bw'alibasendasenda ng'ayogera nti Mukama alitulokola.
- 33 Waliwo katonda yenna ku bakatonda b'amawanga eyali alokodde ensi ye mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli?
- 34 Bali ludda wa bakatonda b'e Kamasi n'ab'e Alupadi? bali ludda wa bakatonda b'e Sefavayimu, ab'e Kena, n'ab'e Yiva? Baalokola Samaliya mu mukono gwange?
- 35 Baani ku bakatonda bonna ab'ensi abaalokola ensi yaabwe mu mukono gwange, Mukama alokole Yerusalemi mu mukono gwange?
- 36 Naye abantu ne basirika ne batamuddamu kigambo: kubanga ekiragiyo kya kabaka kyali bwe kityo nti Temumuddamu.
- 37 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya eyali saabakaaki ne Sebuna omuwandiisi ne Yowa mutabani wa Asafu omujjukiza ne bajja eri Keezeekiya nga bayuzizza ebyambalo byabwe, ne bamubuulira ebighambo bya Labusake.

Essuula 19

- 1 Awo olwatuuka kabaka Keezeekiya bwe yakiwulira n'ayuza ebyambalo bye ne yeesi-iga evvu n'ayingira mu nnyumba ya Mukama.

- 2 N'atuma Eriyakimu eyali saabakaaki ne Sebuna omuwandiisi n'abakadde ab'oku bakabona nga bambadde ebibukutu eri Isaaya nnabbi mutabani wa Amoji.
- 3 Ne bamugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Keezeekiya nti Olunaku luno lunaku lwa buyinike era lwa kunenyezebwa era lwa kuvumibwa: kubanga abaana batuuse okuzalibwa, so tewali maanyi ga kuzaala.
- 4 Mpozzi Mukama Katonda wo anaawulira ebigambo byonna ebya Labusake kabaka w'e Bwasuli mukama we gwe yatuma okuvuma Katonda omulamu, era n'anenya ebigambo Mukama Katonda wo by'awulidde: kale yimusa okusaba kwo ku lwabo abasigadde.
- 5 Awo abaddu ba kabaka Keezeekiya ne bajja eri Isaaya.
- 6 Awo Isaaya n'abagamba nti Bwe mutyo bwe muba mugamba mukama wammwe nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Totya bigambo by'owulidde abaddu ba kabaka w'e Bwasuli kye banzivodde.
- 7 Laba, naateeka omwoyo mu ye, kale anaawulira ekigambo n'addayo mu nsi ye; nange ndimugwisa n'ekitala mu nsi ye ye.
- 8 Awo Labusake n'addayo n'asanga kabaka w'e Bwasuli ng'alwana ne Libuna: kubanga yali awulidde ng'avudde ku Lakisi.
- 9 Awo bwe yawulira nga boogera ku Tiraka kabaka w'e Esiyoopya nti Laba, atabadde okulwana naawe: n'atumira nate Keezeekiya ababaka ng'ayogera nti
- 10 Bwe mutyo bwe muba mugamba Keezeekiya kabaka wa Yuda nti Katonda wo gwe weesiga takulimbanga ng'ayogera nti Yerusalemi tekirigabulwa mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli.
- 11 Laba, wawulira bakabaka b'e Bwasuli bye baakola ensi zonna nga bazizikiriza ddala, naawe olirokoka?
- 12 Bakatonda b'amawanga baabalokola abo bajjajjange be baazikiriza, Gozani ne Kalani ne Lezefu n'abaana ba Edeni abali mu Terasali?
- 13 Kabaka w'e Kamasi ali ludda wa ne kabaka w'e Alupadi ne kabaka w'ekibuga Sefavayimu, ow'e Kena n'ow'e Yiva?
- 14 Awo Keezeekiya n'atoola ebbaluwa mu mukono gw'ababaka n'agisoma: awo Keezeekiya n'ayambuka mu nnyumba ya Mukama, n'agyanjuluza mu maaso ga Mukama.
- 15 Awo Keezeekiya n'asaba mu maaso ga Mukama n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, atuula ku bakerubi, ggwe Katonda, ggwe wekka, ow'obwakabaka bwonna obw'ensi; ggwe wakola eggulu n'ensi.
- 16 Tega okutu kwo, ai Mukama, owulire; zibula amaaso go; ai Mukama, olabe: owulire ebigambo bya Sennakeribu by'amutumye okuvuma Katonda omulamu.
- 17 Mazima, Mukama, bakabaka b'e Bwasuli baazikiriza amawanga n'ensi zaabwe,
- 18 era baasuula bakatonda baabwe mu muliro: kubanga tebaali bakatonda naye mulimu gwa mikono gya bantu, emiti n'amayinja; kyebaava babazikiriza.
- 19 Kale nno, ai Mukama Katonda waffe, tulokole, nkwegayiridde, mu mukono gwe obwakabaka bwonna obw'ensi bamanye nga ggwe Mukama Katonda, ggwe wekka.
- 20 Awo Isaaya mutabani wa Amoji n'atumira Keezeekiya ng'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Kubanga onsabye olwa Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli, nkuwulidde.
- 21 Kino kye kigambo Mukama ky'ayogedde ku ye: nti Omuwala wa Sayuuni atamanyanga musajja akunyoomye, akusekeredde; omuwala wa Yerusalemi akunyeenyerezza omutwe.
- 22 Ani gw'ovumye gw'ovodde? ani gw'ogulumirizzaako eddoozi lyo n'oyimusa waggulu amaaso go? ku Mutukuvu owa Isiraeri.
- 23 Ovumidde Mukama mu babaka bo n'oyogera nti Nninnye ku ntiko y'ensozi

n'olufulube lw'amagaali gange, ku njuyi ez'omunda eza Lebanooni; era nditema emivule gyako emiwanvu n'emiberosi gyako egisinga obulungi: era ndiyingira mu kisulo kyako ekikomereddeyo, mu kibira eky'ennimiro yaako engimu.

- 24 Nsimye, nnywedde amazzi ag'abannaggwanga, era ndikaza n'ebigere byange emigga gyonna egy'e Misiri:
- 25 Tewawulira bwe nnakikola edda, ne nkibumba okuva mu biro eby'edda? kaakano nkituukirizza obeere wa kuzikiriza bibuga ebiriko enkomera n'obifuula ebifunvu eby'amatongo.
- 26 Ababituulamu kyebava babeera n'amaanyi amatono, ne batekemuka ne bakeentererwa; ne baba ng'essubi ery'omu ttale era ng'omuddo omubisi, ng'essubi eriri waggulu ku nnyumba, era ng'eaano ekaze nga tennakula.
- 27 Naye mmanyi okutuula kwo n'okufuluma kwo n'okuyingira kwo ne bw'ondalukira.
- 28 Kubanga ondalukira era kubanga essukuti lyo lirinye mu matu gange, kyendiva nteeka eddobo lyange mu nnyindo zo n'olukoba lwange mu mimwa gyoo, ne nkuddizayo mu kkubo lye wafulumamu.
- 29 Era kano ke kanaaba akabonero gy'oli: mulirya mu mwaka guno ekyo ekimera kyokka, ne mu mwaka ogw'okubiri ekyo ekikivaamu okuloka; ne mu mwaka ogw'okusatu musige mukungule musimbe ensuku ez'emizabbibu mulye ku bibala byamu.
- 30 Awo ekitundu ekifisseewo ekiwonye ku nnyumba ya Yuda balisimba emizi wansi ne babala ebibala waggulu.
- 31 Kubanga mu Yerusaalemi muliva ekitundu ekifisseewo, ne ku lusozi Sayuuni abo abaliwona: obuggya bwa Mukama bulituukiriza ekyo.
- 32 Mukama kyava ayogera ku kabaka w'e Bwasuli nti Talituuka ku kibuga kino, so talirasaayo kasaale, so talikyolekera n'engabo, so talikituumako kifunvu.
- 33 Mu kkubo mwe yajjira omwo mw'aliddirayo, so talituuka ku kibuga kino, bw'ayogera Mukama.
- 34 Kubanga ndirwanirira ekibuga kino okukirokola ku bwange nze ne ku bw'omuddo wange Dawudi.
- 35 Awo olwatuuka ekiro ekyo malayika wa Mukama n'afuluma n'atta mu lusiisira olw'Abasuuli kasiriivu mu obukumi munaana mu enkumi ttaano: abantu bwe baagolokoka enkya mu makya, laba, bonna baali mirambo gya bafu.
- 36 Awo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'avaayo n'agenda n'addayo, n'abeera e Nineeve.
- 37 Awo olwatuuka bwe yali ng'asinziza mu ssabo lya Nisuloki katonda we, Adulam-mereki ne Salezeri ne bamutta n'ekitala: ne baddukira mu nsi y'e Alalati. Esaladoni mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 20

- 1 Mu biro ebyo Keezeekiya n'alwala kumpi n'okufa. Isaaya nnabbi mutabani wa Amози n'ajja gy'ali n'amugamba nti Teekateeka ennyumba yo; kubanga ogenda kufa so togenda kulama.
- 2 Awo n'akyusiza amaaso ge ku kisenge n'amwegayirira Mukama ng'ayogera nti
- 3 Jjukira kaakano, ai Mukama, nkwegayiridde, bwe nnatambuliranga mu maaso go n'amazima n'omutima ogwatuukirira, ne nkola ebiri mu maaso go ebirungi. Keezeekiya n'akaaba nnyo amaziga.
- 4 Awo olwatuuka Isaaya nga tannafuluma okugenda mu luuyi lw'ekibuga olwa wakati, ekigambo kya Mukama ne kimujjira nti
- 5 Ddayo ogambe Keezeekiya omulangira w'abantu bange nti Bw'atyo bw'ayogera

Mukama Katonda wa Dawudi jjajjaawo nti Mpulidde okusaba kwo, ndabye amaziga go: laba, ndikuwonya : ku lunaku olw'okusatu kw'olirinyira mu nnyumba ya Mukama.

- 6 Era ndyongera ku nnaku zo emyaka kkumi n'etaano; era ndirokola ggwe n'ekibuga kino mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuuli; era ndirwanirira ekibuga kino ku lwange nze ne ku bw'omuddu wange Dawudi.
- 7 Awo Isaaya n'ayogera nti Muddire ekitole ky'ettiini. Ne bakiddira ne bakiteeka ku jjute, n'awona.
- 8 Awo Keezeekiya n'agamba Isaaya nti Kaluwa akabonero nga Mukama alimponya era nga ndirinyira mu nnyumba ya Mukama ku lunaku olw'okusatu?
- 9 Isaaya n'ayogera nti Kano ke kaliba akabonero gy'oli akava eri Mukama nga Mukama alikola ekyo ky'ayogedde: ekisiikirize kinaatambula mu maaso amadaala kkumi, oba kinaddayo ennyuma amadaala kkumi?
- 10 Awo Keezeekiya n'addamu nti Ekisiikirize okukka amadaala kkumi kigambo kyangu: nedda, naye ekisiikirize kiddeyo ennyuma amadaala kkumi,
- 11 Isaaya nnabbi n'akaabirira Mukama: n'azzaayo ennyuma ekisiikirize ebbanga ery'amadaala ekkumi, ge kyali kikkiddeko ku madaala ga Akazi.
- 12 Mu biro ebyo Berodakubaladani mutabani wa Baladani kabaka w'e Babulooni n'aweereza Keezeekiya ebbaluwa n'ekirabo: kubanga yawulira Keezeekiya bwe yali alwadde.
- 13 Awo Keezeekiya n'abawulira n'abalaga ennyumba yonna ey'ebintu bye eby'omuwendo omungi, effeeza n'ezaabu n'eby'akaloosa n'amafuta ag'omuwendo omungi n'ennyumba ey'ebyokulwanyisa bye ne byonna ebyalabika mu by'obugagga bwe: tewali kintu mu nnyumba ye newakubadde mu matwale ge gonna Keezeekiya ky'ataabalaga.
- 14 Awo Isaaya nnabbi n'ajja eri kabaka Keezeekiya n'amugamba nti Abasajja bano boogedde ki? era bavudde wa okujja gy'oli? Keezeekiya n'ayogera nti Bava mu nsi ey'ewala mu Babulooni.
- 15 N'ayogera nti Balabye ki mu nnyumba yo? Keezeekiya n'addamu nti Byonna ebiri mu nnyumba yange babirabye: tewali kintu mu by'obugagga bwange kye ssibalaze.
- 16 Isaaya n'agamba Keezeekiya nti Wulira ekigambo kya Mukama.
- 17 Laba, ennaku zijja byonna ebiri mu nnyumba yo n'ebyo bajajjaabo bye baatereka okutuusa leero lwe biritwalibwa e Babulooni: tewali kintu ekirisigala, bw'ayogera Mukama.
- 18 Era balitwala ne ku batabani bo abalikuvaamu b'olizaala: kale baliba balaawe mu lubiri lwa kabaka w'e Babulooni.
- 19 Awo Keezeekiya n'agamba Isaaya nti Ekigambo kya Mukama ky'oyogedde kirungi. Era n'ayogera nti Si weewaawo, emirembe n'amazima bwe binaabangawo ku mirenbe gyange?
- 20 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Keezeekiya n'amaanyi ge gonna era bwe yasima ekidiba n'olusalosalo n'aleeta amazzi mu kibuga tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 21 Keezeekiya ne yeebakira wamu ne bajajjaabe: Manase mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 21

- 1 Manase yali yaakamaze emyaka kkumi n'ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi ataano mu etaano mu Yerusalemi: ne nnyina erinnya lye yali Kefuziba.

- 2 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi ng'eb'emizizo bwe biri eby'ab'amawanga Mukama be yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 3 N'azimba nate ebifo ebigulumivu Keezeekiya kitaawe bye yazikiriza; n'asimbira Baali ebyoto n'akola Asera nga Akabu kabaka wa Isiraeri bwe yakola n'asinza eggye lyonna ery'omu ggulu n'aliweereza.
- 4 N'azimba ebyoto mu nnyumba ya Mukama, Mukama gye yagambako nti Mu Yerusaalemi mwe nditeeka erinnya lyange.
- 5 Era n'azimbira eggye lyonna ery'omu ggulu ebyoto mu mpya ebbiri ez'ennyumba ya Mukama.
- 6 N'ayisa mu muliro mutabani we, n'akola eby'obufumu n'aba n'eb'obulogo, n'agendanga eri abo abaliko emizimu n'abalogo: n'akola obubi bungi mu maaso ga Mukama okumusunguwaza.
- 7 N'asimba ekifaananyi ekyole ekya Asera kye yakola mu nnyumba Mukama gye yagambako Dawudi ne Sulemaani mutabani we nti Mu nnyumba eno ne mu Yerusaalemi kye nneeroboza mu bika byonna ebya Isiraeri mwe nditeeka erinnya lyange emirembe gyonna:
- 8 so siriwabya nate bigere bya Isiraeri okuva mu nsi gye nnawa bajjajjammwe; kyokka bwe baneekuumanga okukola nga byonna bwe biri bye mbalagidde era ng'amateeka gonna bwe gali omuddu wange Musa ge yabalagira.
- 9 Naye ne batawulira: Manase n'abasendasenda okukola ebibi okusinga amawanga bwe gaakolanga Mukama ge yazikiriza mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 10 Awo Mukama n'ayogerera mu baddu be bannabbi nti
- 11 Kubanga Manase kabaka wa Yuda okoze eby'emizizo bino era akoze obubi okusinga byonna Abamoli bye baakola abaamusooka, era ayonoonyesezza ne Yuda n'ebifaananyi bye:
- 12 Mukama Katonda wa Isiraeri kyava ayogera nti Laba, ndeeta ku Yerusaalemi ne Yuda obubi obwenkana awo, buli anaabuwuliranga n'okwamirira amatu ge gombi ne gaamirira.
- 13 Era ndireega ku Yerusaalemi omugwa ogw'e Samaliya n'ejjinja erigera ery'ennyumba ya Akabu: era ndisangula Yerusaalemi ng'omuntu bw'asangula essowaani, ng'agisangula era ng'agivunika.
- 14 Era ndisuula ekitundu ekifisseewo eky'obusika bwange ne mbagabula mu mukono gw'abalabe baabwe; kale balifuuka muyiggo era munyago eri abalabe baabwe bonna;
- 15 kubanga bakoze ebiri mu maaso gange ebibi ne bansunguwaza okuva ku lunaku bajjajjaabwe kwe baaviira mu Misiri ne leero.
- 16 Era nate Manase n'ayiwa omusaayi ogutaliiko musango, mungi nnyo okutuusa lwe yajjuza Yerusaalemi eruuyi n'eruyi; obutasaako kwonoona kwe kwe yayonoonyesa Yuda ng'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi.
- 17 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Manase ne byonna bye yakola n'okwonoona kwe kwe yayonoona tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 18 Manase ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu lusuku olw'oku nnyumba ye ye, mu lusuku lwa Uzza: Amoni mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 19 Amoni yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka ebiri mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Mesullemesi muwala wa Kaluzi ow'e Yotuba.
- 20 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga Manase kitaawe bwe yakola:
- 21 N'atambulira mu kkubo lyonna kitaawe lye yatambuliramu n'aweereza ebifaananyi kitaawe bye yaweereza n'abisinza:
- 22 n'ava ku Mukama Katonda wa bajjajjaabe n'atatambulira mu kkubo lya Mukama.

- 23 Abaddu ba Amoni ne bamwekobaana ne battira kabaka mu nnyumba ye ye.
- 24 Naye abantu ab'omu nsi ne batta abo bonna abeekobaana kabaka Amoni; abantu ab'omu nsi ne bafuula Yosiya mutabani we kabaka mu kifo kye.
- 25 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Amoni bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eb'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 26 N'aziikibwa mu ntaana ye mu lusuku lwa Uzza: Yosiya mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 22

- 1 Yosiya yali yaakamaze emyaka munaana bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi asatu mu gumu mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Yedida muwala wa Adaya ow'e Bozukasi.
- 2 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi n'atambulira mu kkubo lyonna erya Dawudi jjajjaawe n'atakyamira ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono.
- 3 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogwa kabaka Yosiya kabaka n'atuma Safani mutabani wa Azaliya mutabani wa Mesullamu omuwandiisi eri ennyumba ya Mukama ng'ayogera nti
- 4 Mwambuke eri Kirukiya kabona asinga obukulu, abale effeeza ezireetebwa mu nnyumba ya Mukama, abaggazi ze baakasolooza ku bantu:
- 5 baziweeyo mu mukono gw'abakozi b'emirimu abalabirira ennyumba ya Mukama: baziwe abakozi b'emirimu abali mu nnyumba ya Mukama okuddaabiriza ebituli by'ennyumba;
- 6 ababazzi n'abazimbi n'abazimbi b'amayinja; era olw'okugula emiti n'amayinja amabajje okuddaabiriza ennyumba.
- 7 Naye tebaabalirira muwendo eri abo ogw'effeeza ezaaweebwa mu mukono gwabwe; kubanga baakolanga n'obwesigwa.
- 8 Awo Kirukiya kabona asinga obukulu n'agamba Safani omuwandiisi nti Nzudde ekitabo eky'amateeka mu nnyumba ya Mukama. Awo Kirukiya n'awa Safani ekitabo n'akisoma.
- 9 Awo Safani omuwandiisi n'ajja eri kabaka n'addiza kabaka ebigambo n'ayogera nti Abaddu bo baggyemu effeeza ezirabise mu nnyumba, ne baziwa mu mukono gw'abakozi b'emirimu abalabirira ennyumba ya Mukama.
- 10 Awo Safani omuwandiisi n'agamba kabaka nti Kirukiya kabona ampadde ekitabo. Safani n'akisoma mu maaso ga kabaka.
- 11 Awo olwatuuka kabaka bwe yawulira ebigambo eby'ekitabo eky'amateeka, n'ayuza ebyambalo bye.
- 12 Awo kabaka n'alagira Kirukiya kabona ne Akikamu mutabani wa Safani ne Akuboli mutabani wa Mikaaya ne Safani omuwandiisi ne Asaya omuddu wa kabaka ng'ayogera nti
- 13 Mugende mumbuulirize Mukama nze n'abantu ne Yuda yenna eby'ebigambo eby'ekitabo kino ekizuiliddwa: kubanga obusungu bwa Mukama obubuubuuse eri ffe bungi kubanga bajjajjaffe tebaawulira bigambo bya kitabo kino okukola nga byonna bwe biri ebyatuwandiikirwa.
- 14 Awo Kirukiya kabona ne Akikamu ne Akuboli ne Safani ne Asaya ne bagenda eri Kuluda nnabbi omukazi muka Sallumu mutabani wa Tikuva mutabani wa Kalukasi omuwanika w'ebyambalo; (oyo yabeeranga mu Yerusaalemi ku luuyi olw'okubiri;) ne bateesa naye.
- 15 Awo n'abagamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Mumugambe omusajja abatumye gye ndi nti

- 16 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Laba, ndireeta obubi ku kifo kino ne ku abo abakibeeramu, ebigambo byonna eby'ekitabo kabaka wa Yuda ky'asomye:
- 17 kubanga banvuddeko ne bookera obubaane eri bakatonda abalala bansunguwaze n'omulimu gwonna ogw'engalo zaabwe; obusungu bwange kyebuliva bubuubuuka ku kifo kino so tebulizikira.
- 18 Naye kabaka wa Yuda abatumye okubuuza Mukama bwe mutyo bwe muba mumugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nii Olw'ebigambo by'owulidde,
- 19 kubanga omutima gwo gubadde mugonvu ne weetoowaliza mu maaso ga Mukama bw'owulidde bye nnayogera ku kifo kino ne ku abo abakibeeramu, nga balifuuka amatongo n'ekikolimo, n'oyuza ebyambalo byo n'okaaba amaziga mu maaso gange; nange nkuwulidde, bw'ayogera Mukama.
- 20 Laba, kyendiva nkukuaanya eri bajjajjaabo n'okuaanyizibwa mu ntaana yo mirembe, so n'amaaso go tegaliraba bubu bwonna bwe ndireeta ku kifo kino. Ne baddiza kabaka ebigambo.

Essuula 23

- 1 Awo kabaka n'atuma, ne bakuaanyiza gy'ali abakadde bonna aba Yuda n'ab'e Yersaalemi.
- 2 Kabaka n'ayambuka mu nnyumba ya Mukama, n'abasajja bonna aba Yuda ne bonna abatuula mu Yersaalemi wamu naye ne bakabona ne bannabbi n'abantu bonna, abato n'abakulu: n'asoma mu matu gaabwe ebigambo byonna eby'ekitabo eky'endagaano ekizuuliddwa mu nnyumba ya Mukama.
- 3 Kabaka n'ayimirira awali empagi n'alagaanira endagaano mu maaso ga Mukama okutambula okugoberera Mukama n'okukwata amateeka ge n'ebyo bye yategeeza n'ebiragiro bye n'omutima gwe gwonna n'emmeeme ye yonna okunyweza ebigambo by'endagaano eno ebyawandiikibwa mu kitabo kino: abantu bonna ne bayimirira okwesibira endagaano.
- 4 Awo kabaka n'alagira Kirukiya kabona asinga obukulu ne bakabona ab'omutindo ogw'okubiri n'abaggazi, okufulumya mu yeekaalu ya Mukama ebintu byonna ebyakolerwa Baali ne Asera n'eggye lyonna ery'omu ggulu: n'abyokera ebweru wa Yersaalemi mu ttale eriri ku Kiduloni, n'evvu lyabyo n'alitwala e Beseri.
- 5 N'aggyawo bakabona abaasinza ebifaananyi bakabaka ba Yuda be baayawula okwoterereza obubaane ku bifo ebigulumivu mu bibuga bya Yuda ne mu bifo ebyetoolode Yersaalemi; n'abo abaayotererezanga obubaane Baali n'enjuba n'omwezi n'emmunyeenye n'eggye lyonna ery'omu ggulu.
- 6 N'aggya Asera mu nnyumba ya Mukama ebweru wa Yersaatemi n'akireeta ku kagga Kiduloni n'akyokera ku kagga Kiduloni n'akirinnyirira n'akifuula effufugge n'asuula effufugge lyakyo ku malaalo g'abakopi.
- 7 N'amenyamenya ennyumba ez'abaalyanga ebisiyaga ezaali mu nnyumba ya Mukama, abakazi gye baalukiriranga Asera ebitimbibwa.
- 8 N'aggya bakabona bonna mu bibuga bya Yuda, n'ayonoona ebifo ebigulumivu bakabona kwe baayotererezanga obubaane, okuva e Geba okuruuka e Beeruseba; n'amenyamenya ebifo ebigulumivu eby'oku nzigi ebyali awayingirirwa mu mulyango gwa Yoswa omukulu w'ekibuga, ebyali ku mukono ogwa kkono ogw'omuntu awali wankaaki w'ekibuga.
- 9 Era naye bakabona ab'ebifo ebigulumivu ne batayambuka eri ekyoto kya Mukama mu Yersaalemi, naye ne baliiranga emigaati egitazimbulukuswa mu baganda baabwe.
- 10 Era n'ayonoona Tofesi ekiri mu kiwonvu eky'abaana ba Kinomu, omuntu yenna aleme

- okuyisa omwana we ow'obulenzi newakubadde ow'obuwala mu muliro eri Moleki.
- 11 N'aggyawo embalaasi bakabaka ba Yuda ze baali bawadde enjuba, awayingirirwa mu nnyumba ya Mukama, awali enju ya Nasanumereki omulaawe, eyaliraana yeekaalu; n'ayokya amagaali g'enjuba omuliro.
 - 12 N'ebyoto ebyali waggulu ku nju eya waggulu eya Akazi, bakabaka ba Yuda bye baali bakoze, n'ebyoto Manase bye yali akoze, mu mpya zombi ez'ennyumba ya Mukama, kabaka n'abimenyamenya n'abisindika wansi okubiggyayo, n'asuula enfuufu yaabyo mu kagga Kiduloni.
 - 13 N'ebifo ebigulumivu ebyayolekera Yerusalemi ebyali ku mukono ogwa ddyo ogw'olusozi olw'obwonoonefu, Sulemaani kabaka wa Isiraeri bye yazimbira Asutaloosi omuzizo gw'Abasidoni ne Kemosi omuzizo gwa Mowaabu ne Mirukomu omuzizo gw'abaana ba Amoni, kabaka n'abyonoona.
 - 14 N'amenyamenya empagi n'atema Baasera n'ajjuza ebifo byabwe amagumba g'abantu.
 - 15 Era n'ekyoto ekyali e Beseri n'ekifo ekigulumivu n'abimenyamutabani wa Nebati eyayonoonyesa Isiraeri kye yakola, ekyoto ekyo n'ekifo ekigulumivu n'ebimenyamenya; n'ayokya ekifo ekigulumivu n'akirinnyirira n'akifuula effufugge n'ayokya Asera.
 - 16 Awo Yosiya bwe yakebuka n'alaba amalaalo agali eyo ku lusozi; n'atuma n'aggya amagumba mu malaalo n'agookera ku kyoto n'akyoona ng'ekigambo bwe kyali ekya Mukama omusajja wa Katonda kye yalangira eyalangira ebigambo bino.
 - 17 Awo n'ayogera nti Kijjukizo ki ekyo kye ndaba? Abasajja ab'omu kibuga ne bamubulira nti Ge malaalo g'omusajja wa Katonda eyava mu Yuda n'alangirira ebigambo ebyo by'okoze ku kyoto eky'omu Beseri.
 - 18 N'ayogera nti Mumuleke; omuntu yenna aleme okusimula amagumba ge. Awo ne baleka amagumba ge wamu n'amagumba ga nnabbi eyava mu Samaliya.
 - 19 Era n'amasabo gonna ag'ebifo ebigulumivu agaali mu kibuga eby'e Samaliya, bassekabaka ba Isiraeri ge baakola, okusunguwaza Mukama, Yosiya n'agaggyawo naakola ag'ebikolwa byonna bwe byali bye yakola mu Beseri.
 - 20 N'attira bakabona bonna ab'ebifo ebigulumivu abali eyo ku byoto, n'abyokerako amagumba g'abantu; n'addayo e Yerusalemi.
 - 21 Awo kabaka n'alagira abantu bonna ng'ayogera nti Mukwate Okuyitako eri Mukama Katonda wammwe nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kino eky'endagaano.
 - 22 Mazima tebaakwatanga Kuyitako okwenkana awo okuva ku mirembe gy'abalumuzi abalamuzi Isiraeri newakubadde mu mirembe gyonna egya bassekabaka ba Isiraeri newakubadde mu gya bassekabaka ba Yuda;
 - 23 naye mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogwa kabaka Yosiya ne bakwata Okuyitako okwo eri Mukama mu Yerusalemi.
 - 24 Era nate abo abaaliko emizimu n'abasawo ne baterafi n'ebifaananyi n'emiziko gyonna egyalabika mu nsi ya Yuda ne mu Yerusalemi Yosiya n'abiggyawo, alyoke anyweze ebigambo eby'amateeka ebyawandiikibwa mu kitabo Kirukiya kabona kye yazuula mu nnyumba ya Mukama.
 - 25 Era tewali kabaka eyamusooka eyamufaanana eyakyukira Mukama n'omutima gwe gwonna n'emmeeme ye yonna n'amaanyi ge gonna ng'amateeka ga Musa gonna bwe gali; so n'oluvannyuma lwe tewaagolokoka n'omu eyamufaanana.
 - 26 Era naye Mukama n'atakyuka kuleka ekiruyi kye ekingi ekyabuubusa obusungu bwe eri Yuda olw'okusunguwaza kwonna Manase kwe yamusunguwaza.
 - 27 Mukama n'ayogera nti Ndiggyawo ne Yuda mu manso gange nga bwe nziyeewo Isiraeri, era ndisuula ekibuga kino kye nneeroboza, Yerusalemi, n'ennyumba gye nnayogerako nti Erinnya lyange linaabanga eyo.

- 28 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yosiya ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 29 Ku mirembe gye Falaawoneko kabaka w'e Misiri n'atabaala kabaka w'e Bwasuli ku mugga Fulaati: Yosiya n'amutabaala: n'amuttira e Megiddo bwe yamulaba.
- 30 Abaddu be ne bamusitulira mu ggaali ng'afudde ne bamuggya e Megiddo, ne bamuleeta e Yerusaalemi ne bamuziika mu ntaana ye. Abantu ab'omu nsi ne batwala Yekoyakaazi mutabani wa Yosiya ne bamufukako amafuta ne bamufuula kabaka mu kifo kya kitaawe.
- 31 Yekoyakaazi, yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu esatu bwe yatanula okufuga; n'afugira emyezi esatu mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Kamutali muwala wa Yereimiya ow'e Libuna.
- 32 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga byonna bwe byali bajjajjaabe bye baakola.
- 33 Awo Falaawoneko n'amusibira mu masamba e Libula mu nsi y'e Kamasi aleme okufuga mu Yerusaalemi: n'asalira ensi omusolo ogw'effeeza talanta kikumi n'ezaabu talanta emu.
- 34 Awo Falaawoneko n'afuula Eriyakimu mutabani wa Yosiya kabaka mu kifo kya Yosiya kitaawe, n'awaanyisa erinnya lye, n'amutuuma Yekoyakimu: naye n'aggyayo Yekoyakaazi; n'ajja e Misiri n'afiira eyo.
- 35 Awo Yekoyakimu n'awa Falaawo effeeza n'ezaabu; naye n'asalira ensi ebintu okuwaayo effeeza eyo nga Falaawo bwe yalagira: yasolooza effeeza n'ezaabu ku bantu ab'omu nsi, ku buli muntu nga bwe yasalirwa ebintu, okubiwa Falaawoneko.
- 36 Yekoyakimu yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano, bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Zebida muwala wa Pedaya ow'e Luuma.
- 37 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga byonna bwe byali kitaawe bye yakola.

Essuula 24

- 1 Ku mirembe gye Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'ayambuka, Yekoyakimu n'afuuka omuddu we emyaka esatu: awo n'alyoka akyuka n'amujeemera.
- 2 Awo Mukama n'amusindikira ebibiina eby'Abakaludaaya n'ebibiina eby'Abasuuli n'ebibiina eby'Abamowaabu n'ebibiina eby'abaana ba Amoni, n'abasindika ku Yuda okugizikiriza ng'ekigambo kya Mukama kye yayogera n'omukono gw'abaddu be bannabbi.
- 3 Mazima ekyo kyajjira Yuda lwa kiragiro kya Mukama, okubaggya mu maaso ge olw'okwonoona kwa Manase nga byonna bwe byali bye yakola;
- 4 era n'olw'omusaayi ogutaliiko musango gwe yayiwa; kubanga yajjuza Yerusaalemi omusaayi ogutaliiko musango: Mukama n'atayagala kusonyiwa.
- 5 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yekoyakimu ne byonna bye yakola tebyawandiikibwa mu kitabo eky'eby'omu mirembe gya bassekabaka ba Yuda?
- 6 Awo Yekoyakimu ne yebakira wamu ne bajjajjaabe: Yekoyakini mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 7 Awo kabaka w'e Misiri teyeeyongerera nate kujjanga okuva mu nsi ye: kubanga kabaka w'e Babulooni yali alidde byonna ebyabanga ebya kabaka w'e Misiri okuva ku kagga ak'e Misiri okutuuka ku mugga Fulaati.
- 8 Yekoyakini yali yaakamaze emyaka kkumi na munaana bwe yatanula okufuga; n'afugira emyezi esatu mu Yerusaalemi: n'ennyina erinnya lye yali Nekusita muwala wa Erunasani ow'e Yerusaalemi.
- 9 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga byonna bwe byali bajjajjaabe bye

baakolanga.

- 10 Mu biro ebyo abaddu ba Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni ne bambuka e Yerusaalemi, ekibuga ne kizingizibwa.
- 11 Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'ajja eri ekibuga, abaddu be nga bakyakizinziza;
- 12 Yekoyakini kabaka wa Yuda n'afuluma n'ajja eri kabaka w'e Babulooni, ye ne nnyina n'abaddu be n'abakungu be n'abaami be: kabaka w'e Babulooni n'amukwata mu mwaka ogw'omunaana kasooka alya abwakabaka.
- 13 N'aggyamu eby'obugagga byonna eby'omu nnyumba ya Mukama n'eb'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka, n'atematema ebintu byonna ebya zaabu Sulemaani kabaka wa Isiraeri bye yakola mu yeekaalu ya Mukama nga Mukama bwe yayogera.
- 14 N'atwalira ddala Yerusaalemi kyonna n'abakungu bonna n'abasajja bonna ab'amaanyi abazira, abasibe kakumi, ne baffundi bonna n'abaweesi; tewali abaasigalawo wabula abo abaasinga obwavu ku bantu ab'omu nsi.
- 15 N'atwala Yekoyakini e Babulooni; ne nnyina kabaka ne baka kabaka n'abaami be n'abakulu ab'ensi n'abatwala e Babulooni nga basibe ng'abaggya e Yerusaalemi.
- 16 Era abasajja bonna ab'amaanyi, kasanvu, ne baffundi n'abaweesi, lukumi, bonna ba maanyi nga basaanidde okulwana, abo kabaka w'e Babulooni n'abatwala e Babulooni nga basibe.
- 17 Awo kabaka w'e Babulooni n'afuula Mataniya muganda wa kitaawe kabaka mu kifo kye, n'awaanyisa erinnya lye n'amutuuma Zeddekiya.
- 18 Zeddekiya yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu gumu bwe yatanula okufuga, n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Kamutali muwala wa Yereimiya ow'e Libuna.
- 19 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga byonna bwe byali Yekoyakimu bye yakola.
- 20 Kubanga kyatuukirira mu Yerusaalemi ne mu Yuda lwa busungu bwa Mukama okutuusa lwe yamala okubagoba mu maaso ge: Zeddekiya n'ajeemera kabaka w'e Babulooni.

Essuula 25

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'omwenda kasooka alya obwakabaka, mu mwezi ogw'ekkumi, ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'ajja, ye n'eggye lye lyonna, okulwana ne Yerusaalemi, n'asiisira okukyolekera; ne bakizimbako ebigo enjuyi zonna.
- 2 Awo ekibuga ne kizingizibwa okutuusa ku mwaka ogwa kabaka Zeddekiya ogw'ekkumi n'ogumu.
- 3 Ku lunaku olw'omwenda olw'omwezi ogw'okuna enjala n'enyiikira mu kibuga, emmere n'okubula n'ebula abantu ab'omu nsi eyo.
- 4 Awo ne bawagula mu kibuga ekituli, abasajja bonna abalwanyani ne badduka kiro mu kkubo ery'omulyango oguli wakati wa babugwe babiri ogwaliraana olusuku lwa kabaka: (era Abakaludaaya baali nga bazingizizza ekibuga enjuyi zonna:) kabaka n'ayita mu kkubo erya Alaba.
- 5 Naye eggye ery'Abakaludaaya ne bagoberera kabaka ne bamutuukako mu nsenyi ez'e Yeriko: eggye lye lyonna ne lisaasaana okumwabalira.
- 6 Awo ne bawamba kabaka, ne bamwambusa ne bamuleeta eri kabaka w'e Babulooni e Libula; ne bamusalira omusango.
- 7 Ne battira batabani ba Zeddekiya mu maaso ge, ne bamuggyamu amaaso Zeddekiya, ne bamusiba mu masamba, ne bamutwala e Babulooni.

- 8 Awo mu mwezi ogw'okutaano ku lunaku olw'omusanvu olw'omwezi, gwe mwaka ogw'ekkumi n'omwenda ogwa kabaka Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni, Nebuzaladaani omukulu w'abambowa omuddu wa kabaka w'e Babulooni n'ajja e Yersaalemi:
- 9 n'ayokya ennyumba ya Mukama n'ennyumba ya kabaka; n'ennyumba zonna ez'omu Yersaalemi, buli nnyumba ennene, n'azookya omuliro.
- 10 N'eggye lyonna ery'Abakaludaaya abaali n'omukulu w'abambowa ne bamenyamanya bbugwe wa Yersaalemi enjuyi zonna.
- 11 N'abantu abafissewo abasigadde mu kibuga n'abo abaasenguka abaasenga kabaka w'e Babulooni n'abafissewo ku kibiina, abo Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'abatwalira ddala nga basibe.
- 12 Naye omukulu w'abambowa n'aleka ku abo abaasinga obwavu ab'omu nsi eyo oku-longoosanga emizabbibu n'okulimanga.
- 13 N'empagi ez'ebikomo ezaali mu nnyumba ya Mukama n'entebe n'ennyanja ey'ekikomo ebyali mu nnyumba ya Mukama Abakaludaaya ne babimenyamanya, ne batwala ebikomo byamu e Babulooni.
- 14 N'entamu n'ebisena n'ebisalako ebisiriiza n'ebijiiko n'ebintu byonna eby'ebikomo bye baaweerezanga nabyo, ne babiggyayo.
- 15 N'ebytorezo n'ebibya; ebyali ebya zaabu, zaabu yaako, n'ebiyali ebya ffeeza, ffeeza yaako, omukulu w'abambowa n'abiggyayo.
- 16 Empagi zombi, ennyanja emu, n'entebe Sulemaani ze yakolera ennyumba ya Mukama; ebikomo eby'ebintu bino byonna tebyagereka.
- 17 Empagi emu obugulumivu bwayo emikono kkumi na munaana, n'omutwe ogw'ekikomo gwali ku yo: n'omutwe obugulumivu bwagwo emikono esatu; omulimu omuluke n'amakomamawanga nga biri ku mutwe okwetooloola, byonna bya bikomo: n'empagi ey'okubiri yalina ebifaanana ebyo, n'omulimu omuluke.
- 18 Omukulu w'abambowa n'akwata Seraya kabona asinga obukulu ne Zeffaniya kabona ow'okubiri n'abaggazi abasatu:
- 19 ne mu kibuga n'aggyamu omwami eyakulira abasajja abalwany; n'abasajja bataano ku abo abaalabanga amaaso ga kabaka abaalabika mu kibuga; n'omuwandiisi omukulu w'eggye eyayolesanga abantu ab'omu nsi; n'abasajja nkaaga ku bantu ab'omu nsi eyo abaalabika mu kibuga.
- 20 Awo Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'abakwata n'abaleeta eri kabaka w'e Babulooni e Libula.
- 21 Kabaka w'e Babulooni n'abafumita n'abattira e Libula mu nsi y'e Kamasi. Bw'atyo Yuda n'atwalibwa nga musibe ng'aggibwa mu nsi ye.
- 22 N'abantu abaasigala mu nsi ya Yuda Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni be yaleka, abo n'abafuulira Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani omukulu waabwe.
- 23 Awo abaami bonna ab'eggye, bo n'abasajja baabwe, bwe baawulira nga kabaka w'e Babulooni afudde Gedaliya omukulu, ne bajja eri Gedaliya e Mizupa, Isimaeri mutabani wa Nesaniya ne Yokanani mutabani wa Kaleya ne Seraya mutabani wa Tanukumesi Omunetofa ne Yaazaniya omwana w'Omumaakasi, bo n'abasajja baabwe.
- 24 Awo Gedaliya n'abalayirira bo n'abasajja baabwe n'abagamba nti Temutya olw'abaddu b'Abakaludaaya: mubeere mu nsi muweereze kabaka w'e Babulooni, kale muliba bulungi.
- 25 Naye olwatuuka mu mwezi ogw'omusanvu Isimaeri mutabani wa Nesaniya mutabani wa Erisaama ow'ezzadde lya kabaka n'ajja n'abasajja kkumi wamu naye ne bafumita Gedaliya n'okufa n'afa, n'Abayudaaya n'Abakaludaaya abaali awamu naye e Mizupa.

- 26** Awo abantu bonna abato n'abakulu n'abaami b'eggye ne bagolokoka ne bajja e Misiri: kubanga baatya Abakaludaaya.
- 27** Awo olwatuuka mu mwaka ogw'amakumi asatu mu musanvu ogw'okusibibwa kwa Yekoyakini kabaka wa Yuda mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri ku lunaku olw'omwezi olw'amakumi abiri mu musanvu Evirumerodaki kabaka w'e Babulooni n'ayimusa omutwe gwa Yekoyakini kabaka wa Yuda okumuggya mu kkomera mu mwaka mwe yatanulira okufuga;
- 28** n'amugamba eby'ekisa n'agulumiza entebe ye okusinga bakabaka abaali awamu naye mu Babulooni.
- 29** N'awaanyisa ebyambalo bye eby'omu kkomera n'aliiranga emmere mu maaso ge ennaku zonna ez'obulamu bwe.
- 30** N'okumuliisanga kabaka n'amuwa ebya bulijjo eby'okumuliisanga, buli lunaku omugabo gwalwo, ennaku zonna ez'obulamu bwe.

1 Ebyomumirembe

Essuula 1

- 1 Adamu, Seezi, Enosi;
- 2 Kenani, Makalaleri, Yaledi;
- 3 Enoki, Mesuseera, Lameka;
- 4 Nuuwa, Seemu, Kaamu, ne Yafeesi.
- 5 Batabani ba Yafeesi; Gomeri, ne Magogi, ne Madayi, ne Yavani, ne Tubali, ne Meseki, ne Tirasi.
- 6 Ne batabani ba Gomeri; Asukenaazi, ne Difasi, ne Togonaluma.
- 7 Ne batabani ba Yavani; Erisa, ne Talusiisi, Kittimu, ne Lodanimu.
- 8 Batabani ba Kaamu; Kuusi, ne Mizulayimu, Puti, ne Kanani.
- 9 Ne batabani ba Kuusi; Seeba, ne Kavira, ne Sabuta, ne Laama, ne Sabuteka. Ne batabani ba Laama; Seeba, ne Dedani.
- 10 Kuusi n'azaala Nimuloodi: n'atanula okuba ow'amaanyi mu nsi.
- 11 Mizulayimu n'azaala Ludimu, ne Ananimu, ne Lekabimu, ne Nafutukimu,
- 12 ne Pasulusimu, ne Kasulukimu Abafirisuuti gye baava, ne Kafutolimu.
- 13 Kanani n'azaala Sidoni omubereberye we, ne Keesi;
- 14 n'Omuyebusi n'Omwanoli n'Omugirugaasi;
- 15 n'Omukiivi n'Omwaluki n'Omusiini;
- 16 n'Omwaluvadi n'Omuzemali n'Omukamasi.
- 17 Batabani ba Seemu: Eramu; ne Asuli, ne Alupakusaadi, ne Luddi, ne Alamu, ne Uzi, ne Kuuli, ne Geseri, ne Meseki.
- 18 Alupakusaadi n'azaala Seera, Seera n'azaala Eberi.
- 19 Eberi n'azaalirwa abaana babiri ab'obulenzi: erinnya ly'omu Peregi; kubanga mu nnaku ze ensi mwe yagabanirwa; n'erinnya lya muganda we Yokutaani,
- 20 Yokutaani n'azaala Alumodaadi, ne Serefu, ne Kazalumavesi, ne Yera;
- 21 ne Kadolaamu, ne Uzali, ne Dikula;
- 22 ne Ebali, ne Abimayeeeri, ne Seeba;
- 23 ne Ofiri, ne Kavira, ne Yobabu. Abo bonna baali batabani ba Yokutaani,
- 24 Seemu, Alupakusaadi, Seera;
- 25 Eberi, Peregi, Lewu;
- 26 Serugi, Nakoli, Teera;
- 27 Ibulaamu ye Ibulayimu.
- 28 Batabani ba Ibulayimu; Isaaka ne Isimaeri.
- 29 Okwo kwe kuzaalibwa kwabwe: omubereberye wa Isimaeri, Nebayoosi; awo Kedali, ne Adubeeri, ne Mibusamu,
- 30 Misuma, ne Duma, Massa; Kadadi, ne Tema,
- 31 Yetuli, Nafisi, ne Kedema. Abo be baana ba Isimaeri.
- 32 Ne batabani ba Ketula, omuzaana wa Ibulayimu; oyo n'azaala Zimulaani, ne Yokusaani, ne Medani, ne Midiyaani, ne Isubaki, ne Suwa. Ne batabani ba Yokusaani; Seeba, ne Dedani.
- 33 Ne batabani ba Midiyaani; Efa, ne Eferi, ne Kanoki, ne Abida, ne Erudaa. Abo bonna baali batabani ba Ketula.
- 34 Ibulayimu n'azaala Isaaka. Batabani ba Isaaka; Esawu ne Isiraeri.
- 35 Batabani ba Esawu; Erifaazi, Leweri; ne Yewusi, ne Yalamu, ne Koola.
- 36 Batabani ba Erifaazi; Temani, ne Omali, Zeefi, ne Gatamu, Kenazi, ne Timuna, ne Amaleki.
- 37 Batabani ba Leweri; Nakasi, Zeera, Samma, ne Mizza.

- 38 Ne batabani ba Seyiri; Lotani, ne Sobali, ne Zibyoni, ne Ana, ne Disoni, ne Ezeri, ne Disani.
- 39 Ne batabani ba Lotani; Koli ne Komamu: ne Timuna yali mwannyina Lotani.
- 40 Batabani ba Sobali; Aliyani ne Manakasi ne Ebali, Seefi ne Onamu. Ne batabani ba Zibyoni; Aya ne Ana.
- 41 Batabani ba Ana; Disoni. Ne batabani ba Disoni; Kamulani ne Esubani ne Isulani ne Kerani,
- 42 Batabani ba Ezeri; Birukani ne Zaavaai, Yaakani. Batabani ba Disani; Uzi ne Alani.
- 43 Kale abo be bakabaka abaafuga mu nsi ya Edomu, kabaka yenna nga tannafuga baana ba Isiraeri: Bera mutabani wa Byoli; n'erinnya ly'e kibuga kye lyali Dinukaba.
- 44 Bera bwe yafa, Yobabu mutabani wa Zeera ow'e Bozula n'afuga mu kifo kye.
- 45 Yobabu bwe yafa, Kusamu ow'ensi y'Abatemani n'afuga mu kifo kye.
- 46 Kusamu bwe yafa, Kadadi mutabani wa Bedadi eyakuba Midiyaani mu ttale lya Mowaabu n'afuga mu kifo kye: n'erinnya ly'ekibuga kye lyali Avisi.
- 47 Kadadi n'afa, Samula ow'e Masuleka n'afuga mu kifo kye.
- 48 Samula bwe yafa, Sawuli ow'e Lekobosi ekiri ku Mugga n'afuga mu kifo kye.
- 49 Sawuli bwe yafa, Baalukanani mutabani wa Akubooli n'afuga mu kifo kye.
- 50 Baalukanani bwe yafa, Kadadi n'afuga mu kifo kye; n'erinnya ly'ekibuga kye lyali Payi: ne mukazi we erinnya lye yali Meketaberi muwala wa Matuledi, muwala wa Mezakabu.
- 51 Kadadi bwe yafa. N'abakungu ba Edomu be bano; omukungu Timuna, omukungu Aliya, omukungu Yesesi;
- 52 omukungu Okolibama, omukungu Era, omukungu Pinoni;
- 53 omukungu Kenazi, omukungu Temani, omukungu Mibuzali;
- 54 omukungu Magudyeri, omukungu Iramu. Abo be bakungu ba Edomu.

Essuula 2

- 1 Bano be batabani ba Isiraeri; Lewubeeni, Simyoni, Leevi, ne Yuda, Isakaali ne Zebbu-loomi;
- 2 Ddaani, Yusufu ne Benyamini, Nafutaali, Gaadi ne Aseri.
- 3 Batabani ba Yuda; Eri, ne Onani, ne Seera: abo bonsatule baamuzaalirwa mu Basusuwa Omukanani. Ne Eri, omubereberye wa Yuda, yali mubi mu maaso ga Mukama; n'amutta,
- 4 Tamali muka mwana we n'amuzaalira Preezi ne Zeera. Batabani ba Yuda bonna baali bataano.
- 5 Batabani ba Preezi; Kezulooni ne Kamuli.
- 6 Ne batabani ba Zeera; Zimuli, ne Esani, ne Kemani, ne Kalukoli, ne Dala: bonna bataano.
- 7 Ne batabani ba Kalumi; Akali, omuteganya wa Isiraeri, eyayonoona mu ekyo ekya-wongebwa.
- 8 Ne batabani ba Esani: Azaliya.
- 9 Era batabani ba Kezulooni, abaamuzaalirwa; Yerameeri, ne Laamu, ne Kerubayi.
- 10 Laamu n'azaala Amminadaabu; Amminadaabu n'azaala Nakusoni, omukulu w'abaana ba Yuda;
- 11 Nakusoni n'azaala Saluma, Saluma n'azaala Bowaazi;
- 12 Bowaazi n'azaala Obedi, Obedi n'azaala Yese;
- 13 Yese n'azaala omubereberye we Eriyaabu, ne Abinadaabu, ye w'okubiri, ne Simeeya ye w'okusatu;
- 14 Nesaneeri, ye w'okuna, Laddayi, ye w'okutaano;

- 15 Ozemu, ye w'omukaaga, Dawudi ye w'omusanvu:
- 16 ne bannyinnaabwe be bano; Zeruyiya ne Abbigayiri. Ne batabani ba Zeruyiya; Abisaayi, ne Yowaabu, ne Asakeri, basatu.
- 17 Abbigayiri n'azaala Amasa: ne kitaawe wa Amasa yali Yeseri Omuisimaeri.
- 18 Kalebu mutabani wa Kezulooni n'azaala abaana mu Azuba mukazi we, ne mu Yeriyoosi: ne bano be baali batabani be; Yeseri ne Sobabu, ne Aludoni.
- 19 Azuba bwe yafa, Kalebu n'afumbirwa Efulaasi, eyamuzaalira Kuuli.
- 20 Kuuli n'azaala Uli, Uli n'azaala Bezaleeri.
- 21 Oluvannyuma Kezulooni n'ayingira eri muwala wa Makiri kitaawe wa Gireyaadi; gwe yafumbirwa nga yaakamaze emyaka nkaaga; n'amuzaalira Segubu.
- 22 Segubu n'azaala Yayiri, eyalina ebibuga amakumi abiri mu bisatu mu nsi ya Gireyaadi.
- 23 Gesuli ne Alamu ne babaggyako ebibuga bya Yayiri, ne Kenasi n'ebyalo byako, ebibuga nkaaga. Abo bonna be baali batabani ba Makiri kitaawe wa Gireyaadi.
- 24 Awo Kezulooni ng'amaze okufa mu Kalebu-efulaasa, Abiya muka Kezulooni n'amuzaalira Asukuli kitaawe wa Tekowa.
- 25 Ne batabani ba Yerameeri omubereberye wa Kezulooni be bano; Laamu omubereberye, ne Buna, ne Oleni, ne Ozemu, Akiya.
- 26 Era Yerameeri yalina n'omukazi ow'okubiri erinnya lye Atala; oyo ye yali nnyina Onamu.
- 27 Ne batabani ba Laamu omubereberye wa Yerameeri ye Maazi, ne Yamini, ne Ekeri.
- 28 Ne batabani ba Onamu ye Sammayi, ne Yada: ne batabani ba Sammayi; Nadabu, ne Abisuli.
- 29 Ne muka Abisuli erinnya lye yali Abikayiri; n'amuzaalira Abani, ne Molidi.
- 30 Ne batabani ba Nadabu; Seredi, ne Appayimu: naye Seredi n'afa nga talina baana.
- 31 Ne batabani ba Appayimu; Isi. Ne batabani ba Isi; Sesani. Ne batabani ba Sesani; Alayi.
- 32 Ne batabani ba Yada, muganda wa Sammayi; Yeseri, ne Yonasaani: Yeseri n'afa nga talina baana.
- 33 Ne batabani ba Yonasaani; Peresi, ne Zaza. Abo be baali batabani ba Yerameeri.
- 34 Awo Sesani teyalina baana ba bulenzi wabula ab'obuwala. Sesani n'aba n'omuddu Omumisiri, erinnya lye Yala.
- 35 Sesani n'awa Yala omuddu we muwala we okumufumbirwa; n'amuzaalira Attayi.
- 36 Attayi n'azaala Nasani, Nasani n'azaala Zabadi;
- 37 Zabadi n'azaala Efulali, Efulali n'azaala Obedi;
- 38 Obedi n'azaala Yeeku, Yeeku n'azaala Azaliya;
- 39 Azaliya n'azaala Kerezi, Kerezi n'azaala Eryaasa;
- 40 Eryaasa n'azaala Sisumaayi; Sisumaayi n'azaala Sallumu;
- 41 Sallumu n'azaala Yekamiya, Yekamiya n'azaala Erisaama.
- 42 Ne batabani ba Kalebu muganda wa Yerameeri ye Mesa omubereberye we, ye yali kitaawe wa Zifu; ne batabani ba Malesa kitaawe wa Kebulooni:
- 43 Ne batabani ba Kebulooni; Koola, ne Tappuwa, ne Lekemu, ne Seema.
- 44 Seema n'azaala Lakamu, kitaawe wa Yolukeyaamu; Lekemu n'azaala Sammayi.
- 45 Ne mutabani wa Sammayi yali Mawoni; era Mawoni yali kitaawe wa Besuzuli.
- 46 Efa muzaana wa Kalebu n'azaala Kalani, ne Moza, ne Gazezi: Kalani n'azaala Gazezi.
- 47 Ne batabani ba Yadayi; Legemu, ne Yosamu; ne Gesani, ne Pereti, ne Efa, ne Saafu.
- 48 Maaka omuzaana wa Kalebu n'azaala Seberi ne Tirukaana.
- 49 Era n'azaala ne Saafu kitaawe wa Madumanna, Seva kitaawe wa Makubena, era kitaawe wa Uibeya; ne muwala wa Kalebu yali Akusa.

- 50 Abo be baali batabani ba Kalebu; mutabani wa Kuuli, omubereberye wa Efulaasa, Sobali kitaawe wa Kiriyasuyalimu;
- 51 Saluma kitaawe wa Besirekemu, Kalefu kitaawe wa Besugaderi.
- 52 Ne Sobali kitaawe wa Kiriyasuyalimu yalina abaana; Kalowe, ekitundu ky' Abamenukosi.
- 53 N'enda za Kiriyasuyalimu; Abayisuli, n' Abapusi, n' Abasumasi, n' Abamisulayi; ku abo kwe kwava Abazolasi n' Abayesutawooli.
- 54 Batabani ba Saluma; Besirekemu, n' Abanetofa, Atulosubesuyowabu, n' ekitundu ky' Abamanakasi, Abazooli.
- 55 N'enda ez' abawandiisi abaabeeranga e Yabezi; Abatirasi, Abasimeyasi, Abasukasi. Abo be Bakeeni abaava ku Kammasi kitaawe w' ekika kya Lekabu.

Essuula 3

- 1 Era bano be baali batabani ba Dawudi, abaamuzaalirwa e Kebbulooni: omubereberye Amunoni, omwana wa Akinoamu Omuyezuleeri; ow' okubiri Danyeri, omwana wa Abbigayiri Omukalumeeri;
- 2 ow' okusatu, Abusaalomu, omwana wa Maaka muwala wa Talumayi kabaka w' e Gesuli; ow' okuna Adoniya omwana wa Kaggisi;
- 3 ow' okutaano Sefatiya, omwana wa Abitali; ow' omukaaga Isuleyamu, gwe yazaala mu Eggulaasi mukazi we.
- 4 Yazaalirwa abaana mukaaga e Kebbulooni; era yafugira eyo emyaka musanvu ko emyezi mukaaga: ne mu Yerusaalemi n' afugira emyaka amakumi asatu mu esatu.
- 5 Era bano be baamuzaalirwa mu Yerusaalemi: Simeeya, ne Sobabu, ne Nasani, ne Sulemaani, bana, abaana ba Basusuwa muwala wa Ammiyeri:
- 6 ne Ibukali, ne Erisaama, ne Erifereti;
- 7 ne Noga, ne Nefegi, ne Yafiya;
- 8 ne Erisaama, ne Eriyada, ne Erifereti, mwenda.
- 9 Abo bonna baali batabani ba Dawudi, obutassaako baana ba bazaana; era Tamali yali mwannyinnaabwe.
- 10 Ne Lekobowaamu ye yali mutabani wa Sulemaani, mutabaai we Abiya, mutabani we Asa, mutabani we Yekosafaati;
- 11 mutabani we Yolaamu, mutabani we Akaziya, mutabani we Yowaasi;
- 12 mutabani we Amaziya, mutabani we Azaliya, mutabani we Yosamu;
- 13 mutabani we Akazi, mutabani we Keezeekiya, mutabani we Manase;
- 14 mutabani we Amoni, mutabani we Yosiya.
- 15 Ne batabani ba Yosiya; omubereberye Yokanani, ow' okubiri Yekoyakimu, ow' okusatu Zeddekiya, ow' okuna Sallumu.
- 16 Ne batabani ba Yekoyakimu: Yekoniya mutabani we, Zeddekiya mutabani we.
- 17 Ne batabani ba Yekoniya omusibe; Seyalutyeri mutabani we,
- 18 ne Malukiramu, ne Pedaya, ne Senazzali, Yekamiya, Kosama, ne Nedabiya.
- 19 Ne batabani ba Pedaya; Zerubbaberi, ne Simeeyi: ne batabani ba Zerubbaberi; Mesulamu, ne Kananiya; ne Seromisi yali mwannyinaabwe:
- 20 ne Kasuba, ne Okeri, ne Berekiya, ne Kasadiya; Yusabukesedi, bataano.
- 21 Ne batabani ba Kananiya; Peratiya, ne Yesukaya: batabani ba Lefaya, batabani ba Alunani, batabani ba Obadiya, batabani ba Sekaniya.
- 22 Ne batabani ba Sekaniya; Semaaya: ne batabani ba Semaaya; Kattusi, ne Igali, ne Baliya, ne Neyaliya, ne Safati, mukaaga.
- 23 Ne batabani ba Neyaliya; Eriwenayi, ne Kizukiya, ne Azulikamu, basatu.
- 24 Ne batabani ba Eriwenayi; Kodaviya, ne Eriyasibu, ne Peraya, ne Akkubu, ne

Yokanani, ne Deraya, ne Anani, musanvu.

Essuula 4

- 1 Ne batabani ba Eriwenayi; Kodaviya, ne Eriyasibu, ne Peraya, ne Akkubu, ne Yokanani, ne Deraya, ne Anani, musanvu.
- 2 Ne Leyaya mutabani wa Sobali n'azaala Yakasi; Yakasi n'azaala Akumayi ne Lakadi. Ezo ze nda ez'Abazolaasi.
- 3 Era bano be baali abaana ba kitaawe wa Etamu; Yezuleeri, ne Isuma, ne Idubasi: n'erinnya lya mwannyinaabwe yali Kazzereruponi:
- 4 ne Penueri kitaawe wa Gedoli, ne Ezeri kitaawe wa Kusa. Abo be batabani ba Kuuli omubereberye wa Efulaasa, kitaawe wa Besirekemu.
- 5 Era Asukuli kitaawe wa Tekowa yalina abakazi babiri, Keera ne Naala.
- 6 Naala n'amuzaalira Akuzzamu, ne Keferi, ne Temeni, ne Kaakasutali. Abo be baali batabani ba Naala.
- 7 Ne batabani ba Keera ye Zeresi; Izukaali, ne Esunani.
- 8 Kakkozi n'azaala Anubu, ne Zobeba, n'enda za Akalukeri mutabani wa Kalumu.
- 9 Yabezi n'aba n'ekitiibwa okukira baganda be: nnyina n'amutuuma erinnya Yabezi, ng'ayogera nti Kubanga namuzaala lwa buyinike.
- 10 Yabezi n'akaabiriranga Katonda wa Isiraeri, ng'ayogera nti Singa ompeeredde ddala omukisa, n'ogaziya ensalo yange, era oba nga omukono gwo gunaabanga nange n'onkuuma obutalaba bubu, buleme okunnumya omwoyo! Katonda n'amuwa kye yasaba.
- 11 Kerubu muganda wa Suwa n'azaala Mekiri, eyali kitaawe wa Esutoni.
- 12 Esutoni n'azaala Besulafa, ne Paseya, ne Tekina kitaawe wa Irunakasi. Abo be basajja ab'e Leka.
- 13 Ne batabani ba Kenazi; Osunieri ne Seraya: ne batabani ba Osunieri; Kasasi.
- 14 Myonosaayi n'azaala Ofula: Seraya n'azaala Yowaabu kitaawe wa Gekalasimu; kubanga baali bafundi.
- 15 Ne batabani ba Kalebu mutabani wa Yefune; Iru, Era, ne Naamu: ne batabani ba Era; ne Kenazi.
- 16 Ne batabani ba Yekalereri; Zifu, ne Zifa, ne Tiriya, ne Asaleri.
- 17 Ne batabani ba Ezula; Yeseri, ne Meredi, ne Eferi, ne Yaloni: oyo n'azaala Miryamu ne Sammayi, ne Isuba kitaawe wa Esutemoa.
- 18 Ne mukazi we Omuyudaaya n'azaala Yeredi kitaawe wa Gedoli, ne Keberi kitaawe wa Soko, ne Yekusyeri kitaawe wa Zanowa. Awo abo be batabani ba Bisiya muwala wa Falaawo, Meredi gwe yawasa.
- 19 Ne batabani ba muka Kodiya mwannyina Nakamu ye kitaawe wa Keyira Omugaluni, ne Esutemoa Omumaakasi.
- 20 Ne batabani ba Simoni; Amunoni, ne Linna, ne Benikanani, ne Tironi. Ne batabani ba Isi; Zokesi ne Benizokesi.
- 21 Batabani ba Seera mutabani wa Yuda; Eri kitaawe wa Leka, ne Laada kitaawe wa Malesa, n'ebika eby'ennyumba yaabo abaaluka bafuta ennungi, eby'ennyumba ya Asubeya;
- 22 ne Yokimu, n'abasajja ab'e Kozeba, ne Yowaasi, ne Salafu, abaafuganga mu Mowaabu, ne Yasubirekemu. Era ebigambo ebyo bya dda.
- 23 Abo be baali abajoono, era abaatuula mu Netayimu ne mu Gedera: eyo gye baabeeranga ne kabaka olw'omulumu gwe.
- 24 Batabani ba Simyoni: Nemweri, ne Yanini, Yalibu, Zeera, Sawuli:
- 25 Sallumu mutabani we, Mibusamu mutabani we, Misuma mutabani we.

- 26 Ne batabani ba Misuma; Kammweri mutabani we, Zakkuli mutabani we, Simeeyi mutabani we.
- 27 Simeeyi n'azaala abaana ab'obulenzi kkumi na mukaaga n'ab'obuwala mukaaga; naye baganda be tebaazaala baana bangi, so n'ekika kyabwe kyonna tekyayala okwenkana abaana ba Yuda.
- 28 Ne babeeranga e Beeruseba, ne Molada, ne Kazalusuali;
- 29 ne Biruka, ne Ezemu, ne Toladi;
- 30 Besweri ne Koluma, ne Zikulagi;
- 31 ne Besumalukabosi, ne Kazalususumu, ne Besubiri, ne Saalayimu. Ebyo bye byali ebibuga okutuusa Dawudi lwe yalya obwakabaka.
- 32 N'ebyalo byabwe byali Etamu, ne Ayini, Limmoni, ne Tokeni, ne Asani, ebibuga bitaano:
- 33 n'ebyalo byabwe byonna ebyetoolodde ebibuga ebyo okutuusa e Baali. Ago ge gaali amaka gaabwe, era bamanyi amannya ga bajjajjaabwe.
- 34 Ne Mesobabu, ne Yamuleki, ne Yosa mutabani wa Amaziya;
- 35 ne Yoweeri, ne Yeeku mutabani wa Yosibiya, mutabani wa Seraya, mutabani wa Asyeri;
- 36 ne Eriwenayi, ne Yaakoba, ne Yesokaya, ne Asaya, ne Adyeri, ne Yesimyeri, ne Benaya;
- 37 ne Ziza mutabani wa Sifi, mutabani wa Alloni, mutabani wa Yedaya, mutabani wa Simuli, mutabani wa Semaaya;
- 38 abo abaatuddwa amannya gaabwe baabanga bakulu mu bika byabwe: n'ennyumba za bajjajjaabwe ne zeeyongeranga nnyo.
- 39 Ne bajja awayingirwa mu Gedoli, ku luuyi lw'ekiwonvu olw'ebuvanjuba, okunoonyeza ebisibo byabwe omuddo.
- 40 Ne balaba omuddo omugimu omulungi, era ensi yali ngazi era ng'eteredde era nga mirembe; kubanga abaabeeranga omwo olubereberye baali ba Kaamu.
- 41 Era abo abawandiikiddwa amannya gaabwe bajja ku mirembe gya Keezeekiya kabaka wa Yuda, ne balumba eweema zaabwe, n'Abamewuni abaalabikayo, ne babazikiririza ddala, ne leero, ne babeera mu kifo kyabwe: kubanga ng'eriyo omuddo ogw'ebisibo byabwe.
- 42 Awo abamu ku bo, ku batabani ba Simyoni, abasajja ebikumi bitaano, ne bagenda ku lusozi Seyiri, nga balina abakulu baabwe Peratiya ne Neyaliya ne Lefaya ne Wuziy-eeri, batabani ba Isi.
- 43 Ne bakuba ekitundu ky'Abamaleki ekyafikkawo ekyawona, ne babeera eyo ne leero.

Essuula 5

- 1 Ne batabani ba Lewubeeni omubereberye wa Isiraeri, (kubanga ye yali omubereberye; naye kubanga yayonoona ekiriri kya kitaawe, eby'okuzaalibwa kwe okw'olubereberye batabani ba Yusufu mutabani wa Isiraeri kyebaava babiweebwa; so taviibwako okubala amannya ng'okuzaalibwa okw'olubereberye bwe kwali.
- 2 Kubanga Yuda yasinga baganda be, era mu ye mwe mwava omulangira; naye eby'okuzaalibwa okw'olubereberye byali bya Yusufu:)
- 3 batabani ba Lewubeeni omubereberye wa Isiraeri; Kanoki, ne Palu, Kezulooni, ne Kalumi.
- 4 Batabani ba Yoweeri; Semaaya mutabani we, Gogi mutabani we, Simeeyi mutabani we;
- 5 Mikka mutabani we, Leyaya mutabani we, Baali mutabani we;
- 6 Beera mutabani we, Tirugasupiruneseri kabaka w'e Bwasuli gwe yatwala nga musibe:

ye yali omukulu w'Abalewubeeni.

- 7 Ne baganda be ng'enda zaabwe bwe zaali, okuzaalibwa kwabwe bwe kwabalibwa; omukulu Yeyeri, ne Zekkaliya,
- 8 ne Bera mutabani wa Azazi, mutabani wa Sema, mutabani wa Yoweeri eyabeeranga mu Aloweri, okutuusa e Nebo ne Baalumyoni:
- 9 n'ebuvanjuba yabeeranga okutuuka awayingirirwa mu ddungu okuva ku mugga Fulaati: kubanga ebisibo byabwe nga byeyongedde mu nsi ya Gireyaadi.
- 10 Awo ku mirembe gya Sawulo ne balwana n'abakaguli, ne battibwa n'omukono gwabwe ne babeeranga mu weema zaabwe okubuna ensi yonna eri ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'e Gireyaadi.
- 11 Awo batabani ba Gaadi ne babeeranga okuboolekera mu nsi y'e Basani okutuusa ku Saleka:
- 12 Yoweeri omukulu, ne Safamu ow'okubiri, ne Yanayi, ne Safati mu Basani:
- 13 ne baganda baabwe ab'omu nda za bajjajjaabwe; Mikayiri, ne Mesullamu, ne Seeba, ne Yolayi, ne Yakani, ne Ziya, ne Eberi, musanvu.
- 14 Abo be baali batabani ba Abikayiri mutabani wa Kuuli, mutabani wa Yalowa, mutabani wa Gireyaadi, mutabani wa Mikayiri, mutabani wa Yesisayi, mutabani wa Yakudo, mutabani wa Buzi; Abo be baali batabani ba Abikayiri mutabani wa Kuuli, mutabani wa Yalowa, mutabani wa Gireyaadi, mutabani wa Mikayiri, mutabani wa Yesisayi, mutabani wa Yakudo, mutabani wa Buzi;
- 15 Aki mutabani wa Abudyeri, mutabani wa Guni, abakulu b'ennyumba za bajjajjaabwe.
- 16 Ne babeeranga mu Gireyaadi mu Basani, ne mu bibuga byako, ne mu byaIo byonna ebiriraanye Saloni, okutuuka ku nsalo zaabyo.
- 17 Abo bonna baabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali ku mirembe gya Yosamu kabaka wa Yuda, ne ku mirembe gya Yerobowaamu kabaka wa Isiraeri.
- 18 Batabani ba Lewubeeni, n'aba Gaadi, n'ekitundu ky'ekika kya Manase, eky'abasajja abazira, abasajja abaayinza okukwata engabo n'ekitala, n'okulasa n'emitego, era ab'amagezi okulwana, baali obukumi buna mu enkumi nnya mu lusanvu mu nkaaga, abaayinza okutabaala.
- 19 Ne balwana n'Abakaguli, ne Yetuli, ne Nafisi, ne Nodabu.
- 20 Ne bayambwa nga balwana nabo, Abakaguli ne bagabulwa mu mukono gwabwe ne bonna abaali nabo: kubanga baakaabirira Katonda mu lutalo, n'akkiriza okwegayirira kwabwe; kubanga baamwesiga.
- 21 Ne banyaga ebisibo byabwe; ku amira zaabwe obukumi butaano, ne ku ndiga obusirivu bubiri mu obukumi butaano, ne ku ndogoyi enkumi bbiri, ne ku bantu kasirivu.
- 22 Kubanga bangi abaagwa nga battiddwa kubanga olutalo lwava eri Katonda. Ne babeeranga mu kifo kyabwe okutuuka ku kutwalibwa.
- 23 Awo abaana b'ekitundu ky'ekika kya Manase ne babeeranga mu nsi: ne bayala okuva ku Basani ne batuuka ku Baalukerumooni ne Seniri n'olusozi Kerumooni.
- 24 Era bano be baali emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe; Eferi, ne Isi, ne Eryeri, ne Azulyeri, ne Yereimiya, ne Kodaviya, ne Yakudyeri, abasajja ab'amaanyi abazira, abaatiikirivu, emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe.
- 25 Ne basobya Katonda wa bajjajjaabwe, ne bagenda nga benda okugoberera bakatonda b'amawanga ag'omu nsi, Katonda be yazikiririza mu maaso gaabwe.
- 26 Awo Katonda wa Isiraeri n'akubiriza omwoyo gwa Puli kabaka w'e Bwasuli n'omwoyo gwa Tirugasupiruneseri kabaka w'e Bwasuli, n'abatwala n'abaggyayo, Abalewubeeni n'Abagaadi n'ekitundu ky'ekika kya Manase n'abaleeta e Kala ne Kaboli, ne Kaala, n'eri omugga Gozani, ne leero.

Essuula 6

- 1 Batabani ba Leevi; Gerusoni, Kokasi, ne Merali.
- 2 Ne batabani ba Kokasi; Amulaamu, Izukali, ne Kebbulooni, ne Wuziyeeri.
- 3 N'abaana ba Amulaamu; Alooni ne Musa ne Miryamu. Ne batabani ba Alooni; Nadabu ne Abiku, Eriyazaali ne Isamaali.
- 4 Eriyazaali n'azaala Finekaasi, Finekaasi n'azaala Abisuwa;
- 5 Abisuwa n'azaala Bukki, Bukki n'azaala Uzzi;
- 6 Uzzi n'azaala Zeraluya, Zerakiya n'azaala Merayoosi;
- 7 Merayoosi n'azaala Amaliya, Amaliya n'azaala Akitubu;
- 8 Akitubu n'azaala Zadooki, Zadooki n'azaala Akimaazi;
- 9 Akimaazi n'azaala Azaliya, Azaliya n'azaala Yokanani;
- 10 Yokanani n'azaala Azaliya, (oyo ye yakolanga omulimu ogw'obwakabona mu nnyumba Sulemaani gye yazimba mu Yersaalemi):
- 11 Azaliya n'azaala Amaliya, Amaliya n'azaala Akitubu;
- 12 Akitubu n'azaala Zadooki, Zadooki n'azaala Sallumu;
- 13 Sallumu n'azaala Kirukiya, Kirukiya n'azaala Azaliya;
- 14 Azaliya n'azaala Seraya, Seraya n'azaala Yekozadaki;
- 15 Yekozadaki n'atwalibwa nga musibe, Mukama bwe yatwalira ddala Yuda ne Yersaalemi n'omukono gwa Nebukadduneeza.
- 16 Batabani ba Leevi; Gerusomu, Kokasi, ne Merali.
- 17 Era gano ge mannya ga batabani ba Gerusomu; Libuni ne Simeeyi.
- 18 Ne batabani ba Kokasi ye Amulaamu ne Izukali ne Kebbulooni ne Wuziyeeri.
- 19 Batabani ba Merali; Makuli ne Musi. Era ebyo bye bika by'Abaleevi ng'enda za bajjajjaabwe bwe zaali.
- 20 Abaava ku Gerusomu; Libuni mutabani we, Yakasi mutabani we, Zimma mutabani we;
- 21 Yowa mutabani we, Iddo mutabani we, Zeera mutabani we, Yeaserayi mutabani we.
- 22 Batabani ba Kokasi; Amminadaabu mutabani we, Koola mutabani we, Assiri mutabani we;
- 23 Erukaana Emutabani we, ne Ebiyasaafu mutabani we, ne Assiri mutabani we;
- 24 Takasi mutabani we, Uliyeri mutabani we, Uzziya mutabani we, ne Sawuli mutabani we.
- 25 Ne batabani ba Erukaana; Amasayi, ne Akimosi.
- 26 N'ebya Erukaana: batabani ba Erukaana; Zofayi mutabani we, ne Nakasi mutabani we;
- 27 Eriyaabu mutabani we, Yerokamu mutabani we, Erukaana mutabani we.
- 28 Ne batabani ba Samwiri; omubereberye Yoweeri, n'ow'okubiri Abiya.
- 29 Batabani ba Merali; Makuli, Libuni mutabani we, Simeeyi mutabani we, Uzza mutabani we;
- 30 Simeeya mutabani we, Kaggiya mutabani we, Asaya mutabani we.
- 31 Era Dawudi be yafuula abakulu b'omulimu ogw'okutimba mu nnyumba ya Mukama, essanduuko ng'emaze okuwummula, be bano.
- 32 Ne bawereza n'ennyimba mu maaso g'ennyumba ey'eweema ey'okusisinkani-rangamu okutuusa Sulemaani lwe yamala okuzimba ennyumba ya Mukama mu Yersaalemi: ne beesibira omulimu gwabwe ng'ebisanja byabwe bwe byali.
- 33 Era bano be beesibiranga ne batabani baabwe. Ku batabani b'Abakokasi: Kemani omuyimbi, mutabani wa Yoweeri, mutabani wa Samwiri;
- 34 mutabani wa Erukaana, mutabani wa Yerokamu, mutabani wa Eriyeri, mutabani wa Toowa;

- 35 mutabani wa Zufu, mutabani wa Erukaana, mutabani wa Makasi, mutabani wa Amasayi;
- 36 mutabani wa Erukaana, mutabani wa Yoweeri, mutabani wa Azaliya, mutabani wa Zeffaniya;
- 37 mutabani wa Takasi, mutabani wa Assiri, mutabani wa Ebiyasaafu, mutabani wa Koola;
- 38 mutabani wa Izukali, mutabani wa Kokasi, mutabani wa Leevi, mutabani wa Isiraeri.
- 39 Ne muganda we Asafu, eyayimiriranga ku mukono gwe ogwa ddyo, Asafu mutabani wa Berekiya, mutabani wa Simeeya;
- 40 mutabani wa Mikayiri, mutabani wa Baaseya, mutabani wa Malukiya;
- 41 mutabani wa Esuni, mutabani wa Zeera, mutabani wa Adaaya;
- 42 mutabani wa Esani, mutabani wa Zimma, mutabani wa Simeeyi;
- 43 mutabani wa Yakasi, mutabani wa Gerusomu, mutabani wa Leevi.
- 44 Ne ku mukono gwabwe ogwa kkono baganda baabwe batabani ba Merali: Esani mutabani wa Kiisi, mutabani wa Abudi, mutabani wa Malluki; Ne ku mukono gwabwe ogwa kkono baganda baabwe batabani ba Merali: Esani mutabani wa Kiisi, mutabani wa Abudi, mutabani wa Malluki;
- 45 mutabani wa Kasukabiya, mutabani wa Amaziya, mutabani wa Kirukiya;
- 46 mutabani wa Amuzi, mutabani wa Bani, mutabani wa Semeri;
- 47 mutabani wa Makuli, mutabani wa Musi, mutabani wa Merali, mutabani wa Leevi.
- 48 Ne baganda baabwe Abaleevi ne bateekerwawo okuweereza kwonna okw'omu weema ey'ennyumba ya Katonda.
- 49 Naye Alooni ne batabani be, ne baweerangayo ku kyoto ebiweebwayo ebyokebwa ne ku kyoto eky'okwoterezangako obubaane, olw'omulimu gwonna ogw'omu kifo ekitungu ennyo, n'okutangiriranga Isiraeri, nga byonna bwe biri Musa omuddu wa Katonda bye yalagira.
- 50 Era bano be batabani ba Alooni; Eriyazaali mutabani we, Finekaasi mutabani we, Abisuwa mutabani we;
- 51 Bukki mutabani we, Uzzi mutabani we, Zerakiya mutabani we;
- 52 Merayoosi mutabani we, Amaliya mutabani we, Akitubu mutabani we;
- 53 Zadooki mutabani we, Akimaazi mutabani we.
- 54 Era bino bye bifo byabwe eby'okubeeramu, ng'ensiisira zaabwe bwe zaali mu nsalo zaabwe: ne bawa batabani ba Alooni, ab'oku nda z'Abakokasi, kubanga abo akalulu be kaasooka okugwiira,
- 55 abo ne babawa Kebbulooni mu nsi ya Yuda, n'ebyalo byakyo ebikyetoolodde:
- 56 naye ennimiro ez'oku kibuga n'ebyalo byako, ne babiwa Kalebu mutabani wa Ye fune.
- 57 Ne batabani ba Alooni ne babawa ebibuga eby'okuddukiramumu, Kebbulooni; era ne Libuna n'ebyalo byako, ne Yattiri, ne Esutemoa n'ebyalo byako;
- 58 ne Kireni n'ebyalo byako, Debiri n'ebyalo byako
- 59 ne Asani n'ebyalo byako, ne Besusemesi n'ebyalo byako;
- 60 n'ebyanggibwa ku kika kya Benyamini; Geba n'ebyalo byako, ne Allemesi n'ebyalo byako, ne Anasosi n'ebyalo byako. Ebibuga byabwe byonna okubuna enda zaabwe zonna byali ebibuga kkumi na bisatu.
- 61 Ne batabani ba Kokasi abalala ne baweebwa n'obululu ebibuga kkumi ebyaggibwa ku nda y'ekika, ku kitundu ky'ekika, ekitundu kya Manase.
- 62 Ne batabani ba Gerusomu ng'enda zaabwe bwe zaali ne baweebwa ebibuga kkumi na bisatu, ebyaggibwa ku kika kya Isakaali ne ku kika kya Aseri ne ku kika kya Nafutaali ne ku kika kya Manase mu Basani.
- 63 Batabani ba Merali ne baweebwa n'obululu ng'enda zaabwe bwe zaali ebibuga kkumi

na bibiri, ebyaggibwa ku kika kya Lewubeeni ne ku kika kya Gaadi ne ku kika kya Zebbulooni.

- 64 Abaana ba Isiraeri ne bawa Abaleevi ebibuga n'ebyallo byabyo.
- 65 Ne bawa n'obululu ebibuga ebyaggibwa ku kika ky'abaana ba Yuda ne ku kika ky'abaana ba Simyoni ne ku kika ky'abaana ba Benyamini, biibino ebyatuddwa amannya gaabyo.
- 66 Era enda ezimu ez'oku batabani ba Kokasi baalina ebibuga eby'oku nsalo zaabwe ebyaggibwa ku kika kya Efulayimu.
- 67 Ne babawa ebibuga eby'okuddukiramumu, Sekemu mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu n'ebyallo byako: ne Gezeri n'ebyallo byako;
- 68 ne Yokumyamu n'ebyallo byako, ne Besukolooni n'ebyallo byako;
- 69 ne Ayalooni n'ebyallo byako, ne Gasulimmoni n'ebyallo byako:
- 70 n'ebyanggibwa ku kitundu ky'ekika kya Manase; Aneri n'ebyallo byako, ne Biryamu n'ebyallo byako, okuba eby'abo abasigaddewo ku nda ya batabani ba Kokasi.
- 71 Batabani ba Gerusomu ne baweebwa ebyaggibwa ku nda y'ekitundu ky'ekika kya Manase, Golani mu Basani n'ebyallo byako, ne Asutaloosi n'ebyallo byako:
- 72 n'ebyanggibwa ku kika kya Isakaali; Kedesi n'ebyallo byako, Daberasi n'ebyallo byako,
- 73 ne Lamosi n'ebyallo byako, ne Anemu n'ebyallo byako:
- 74 ne ku kika kya Aseri; Masali n'ebyallo byako, ne Abudoni n'ebyallo byako;
- 75 ne Kukoki n'ebyallo byako, ne Lekobu n'ebyallo byako:
- 76 ne ku kika kya Nafutaali; Kedesi eky'omu Ggaliraaya n'ebyallo byako, ne Kammoni n'ebyallo byako, ne Kiriyaayimu n'ebyallo byako.
- 77 N'Abaleevi abasigaddewo, batabani ba Merali, ne baweebwa ebyaggibwa ku kika kya Zebbulooni, Limmono n'ebyallo byako, Taboli n'ebyallo byako:
- 78 era emitala wa Yoludaani e Yeriko, ku luuyi lwa Yoludaani olw'ebuvanjuba, ne baweebwa ebyaggibwa ku kika kya Lewubeeni, Bezeri ekiri mu ddungu n'ebyallo byako, ne Yaza n'ebyallo byako,
- 79 ne Kedemosi n'ebyallo byako, ne Mefaasi n'ebyallo byako:
- 80 n'ebyanggibwa ku kika kya Gaadi; Lamosi ekiri mu Gireyaadi n'ebyallo byako, ne Makanayimu n'ebyallo byako,
- 81 ne Kesuboni n'ebyallo byako, ne Yazeri n'ebyallo byako.

Essuula 7

- 1 N'ebyanggibwa ku batabaani ba Isakaali; Tola, ne Puwa, Yasubu, ne Simuloni, bina.
- 2 Ne batabani ba Tola; Uzzi ne Lefaya, ne Yeryeri, ne Yamayi, ne Ibusamu, ne Semweri, emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe, aba Tola; abasajja ab'amaanyi abazira mu mirembe gyabwe: ku mirembe gya Dawudi omuwendo gwabwe gwali obukumi bubiri mu enkumi bbiri mu lukaaga.
- 3 Ne batabani ba Uzzi; Izulakiya: ne batabani ba Izulakiya; Mikayiri, ne Obadiya, ne Yoweeri, Issiya, bataano; bonna basajja bakulu.
- 4 Era ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, ng'ennyumba za bajjajjaabwe bwe zaali, ebibiina by'omu ggye byali wamu nabo olw'okulwana, obukumi busatu mu kakaaga: kubanga baalina abakazi bangi n'abaana bangi.
- 5 Ne baganda baabwe bonna, ab'omu luggya lwa Isakaali, nga babalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, abasajja ab'amaanyi abazira, baali obukumi munaana mu kasanvu.
- 6 Batabani ba Beayamini; Bera, ne Bekeri, ne Yediyayeri, basatu.
- 7 Ne batabani ba Bera; Ezuboni, ne Uzzi, ne Wuziyeeri, ne Yerimosi, ne Iri, bataano; emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe, abasajja ab'amaanyi abazira; era baabalibwa

ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, obukumi bubiri mu enkumi bbiri mu amakumi asatu mu bana.

- 8 Ne batabani ba Beker; Zemira, ne Yowaasi, ne Eryeza, ne Eriwenayi, ne Omuli, ne Yeremosi, ne Abiya, ne Anasosi, ne Alemesi. Abo bonna baali batabani ba Beker.
- 9 Era baabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, nga bwe baaliraana, emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe, abasajja ab'amaanyi abazira, obukumi bubiri mu ebikumi bibiri.
- 10 Ne batabani ba Yediyayeri; Birukani; ne batabani ba Birukani; Yewusi, ne Benyamini, ne Ekudi, ne Kenaana, ne Zesani, ne Talusiisi, ne Akisakali.
- 11 Abo bonna baali baana ba Yediyayeri, ng'emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe bwe gyali, abasajja ab'amaanyi abazira, kakumi mu kasanvu mu ebikumi bibiri, abayinza okutabaala mu ggye okulwana.
- 12 Suppimu naye, ne Kuppimu, batabani ba Iri, Kusimu, batabani ba Akeri.
- 13 Batabani ba Nafutaali; Yaziyeri, ne Gutu, ne Yazeri, ne Sallumu, batabani ba Biruka.
- 14 Batabani ba Manase; Asuliyeri mukazi we gwe yazaala: (muzaana we Omwalamu yazaala Makiri kitaawe wa Gireyaadi:
- 15 Makiri n'awasa omukazi ow'oku Kuppimu ne Suppimu, erinnya lya muganda we Maaka;) n'erinnya ly'ow'okubiri lyali Zerofekadi: Zerofekadi n'azaala abaana ba buwala.
- 16 Maaka muka Makiri n'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya lye Peresi; n'erinnya lya muganda we lyali Seresi; ne batabani be Ulamu ne Lakemu.
- 17 Ne batabani ba Ulamu; Bedani. Abo be baali batabani ba Gireyaadi mutabani wa Makiri, mutabani wa Manase.
- 18 Ne mwannyina Kammolekesi n'azaala Isukodi, ne Abiezeri, ne Makula.
- 19 Ne batabani ba Semida ye Akyani, ne Sekemu, ne Liki, ne Aniyamu.
- 20 Ne batabani ba Efulayimu; Susera, ne Beredi mutabani we, ne Takasi mutabani we, ne Ereyadda mutabani we, ne Takasi mutabani we,
- 21 ne Zabadi mutabani we, ne Susera mutabani we, ne Ezeri, ne Ereyaddi, abasajja ab'e Gaasi abaazaalibwa mu nsi be batta, kubanga baaserengeta okubaggyako ebisibo byabwe.
- 22 Efulayimu kitaabwe n'akungubagira ennaku nnyingi, baganda be ne bajja okumukubagiza.
- 23 N'ayingira eri mukazi we n'aba olubuto n'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya lye Beriya, kubanga ab'omu nnyumba ye baalaba akabi.
- 24 Ne muwala we yali Seera, eyazimba Besukoloni, ekya wansi n'eky'engulu, ne Uzenuseera.
- 25 Ne Leefa ye yali mutabani we, ne Lesefu, ne Teera mutabani we, ne Takani mutabani we;
- 26 Ladani mutabani we, Ammikudi mutabani we, Erisaama mutabani we;
- 27 Nuni mutabani we, Yoswa mutabani we.
- 28 N'ebifo byabwe bye baalya era bye baabeerangamu bye bino; Beseri n'ebibuga byako, n'ebuvanjuba Naalani, n'ebugwanjuba Gezeri, n'ebibuga byako; era ne Sekemu n'ebibuga byako, okutuusa ku Azza n'ebibuga byako:
- 29 n'awali ensalo ez'abaana ba Manase Besuseyani n'ebibuga byako, Taanaki n'ebibuga byako, Megiddo n'ebibuga byako, Doli n'ebibuga byako. Omwo abaana ba Yusufu mutabani wa Isiraeri mwe baabeeranga.
- 30 Batabani ba Aseri; Imuna, ne Isuva, ne Isuvi, ne Beriya; ne Seera mwannyinaabwe.
- 31 Ne batabani ba Beriya; Keberi, ne Malukiyeeri, ye kitaawe wa Biruzayisi.
- 32 Keberi n'azaala Yafuleti, ne Somera, ne Kosamu, ne Suwa, mwannyinaabwe.
- 33 Ne batabani ba Yafuleti; Pasaki, ne Bimukali, ne Asuvasi. Abo be baana ba Yafuleti.

- 34 Ne batabani ba Semeri: Aki, ne Loga, Yekubba, ne Alamu.
- 35 Ne batabani ba Keremu muganda we; Zofa, ne Imuna, ne Seresi, ne Amali.
- 36 Batabani ba Zofa; Suwa, ne Kaluneferi; ne Swali, ne Beri, ne Imula;
- 37 Bezeri, ne Kodi, ne Samma, ne Sirusa, ne Isulani, ne Beera.
- 38 Ne batabani ba Yeseri; Yefune, Pisupa, ne Ala.
- 39 Ne batabani ba Ulla; Ala, ne Kanyeri, ne Liziya.
- 40 Abo bonna baali baana ba Aseri, emitwe gy'ennyumba za bajjajja baabwe, abasajja abazira abalonde ab'amaanyi, ab'olubereberye mu bakulu. N'omuwendo gwabwe ogwabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, olw'okukola omulimu ogw'okulwana, gwali abasajja obukumi bubiri mu kakaaga.

Essuula 8

- 1 Ne Benyamini n'azaala Bera omubereberye we, Asuberi ow'okubiri, ne Akala ow'okusatu;
- 2 Noka ow'okuna, ne Lafa ow'okutaano.
- 3 Ne Bera yalina batabani be, Addali, ne Gera, ne Abikudi;
- 4 ne Abisuwa, ne Naamani, ne Akowa;
- 5 ne Gera, ne Sefufani, ne Kulamu
- 6 Era bano be batabani ba Ekudi: gino gye mitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe ez'abo abaali mu Geba, ne babatwala e Manakasi nga basibe:
- 7 ne Naamani ne Akiya ne Gera n'abatwala nga basibe; n'azaala Uzza ne Akikudi.
- 8 Sakalayimu n'azaala abaana mu nnimiro ya Mowaabu bwe yamala okubasindika; Kusimu ne Baala be baali bakazi be.
- 9 N'azaala mu Kodesi mukazi we Yobabu, ne Zibiya, ne Mesa, ne Malukamu;
- 10 ne Yewuzi, ne Sakiya, ne Miruma. Abo be baali batabani be, emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe.
- 11 N'azaala mu Kusimu Abitubu ne Erupaali.
- 12 Ne batabani ba Erupaali; Eberi ne Misamu ne Semedi, eyazimba Ono ne Loodi, wamu n'ebibuga byako:
- 13 ne Beriya ne Sema, emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe ez'abo abaabeeranga e Ayalooni, abaagoba abo abaali e Gaasi;
- 14 ne Akiyo, Sasaki, ne Yeremosi;
- 15 ne Zebadiya, ne Aladi, ne Ederi;
- 16 ne Mikayiri, ne Isupa, ne Yoka, batabani ba Beriya;
- 17 ne Zebadiya, ne Mesullamu, ne Kizuki, ne Keberi;
- 18 ne Isumerayi, ne Izuliya, ne Yobabu, batabani ba Erupaali;
- 19 ne Yakimu, ne Zikuli, ne Zabudi;
- 20 ne Eryenayi, ne Ziresayi, ne Eryeri;
- 21 ne Adaaya, ne Beraya, ne Simulasi, batabani ba Simeeyi;
- 22 ne Isupani, ne Eberi, ne Eryeri;
- 23 ne Abudoni, ne Zikuli, ne Kanani;
- 24 ne Kananiya, ne Eramu, ne Anusosiya;
- 25 ne Ifudeya, ne Penueri, batabani ba Sasaki;
- 26 ne Samuserayi, ne Sekaliya, ne Asaliya;
- 27 ne Yaalesiya, ne Eriya, ne Zikuli, batabani ba Yerokamu.
- 28 Abo be baali emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe! okubuna emirembe gyabwe, abasajja abakulu: abo baabeeranga mu Yerusalemi.
- 29 Era kitaawe wa Gibyoni n'abeeranga mu Gibyoni, Yeyeri, mukazi we erinnya lye Maaka:

- 30** ne mutabani we omubereberye Abudoni, ne Zuuli, ne Kiisi, ne Baali, ne Nadabu;
- 31** ne Gedoli, ne Akiyo, ne Zekeeri.
- 32** Mikuloosi n’azaala Simeeya. Era nabo baabeeranga ne baganda baabwe e Yersaalemi, okwolekera baganda baabwe.
- 33** Neeri n’azaala Kiisi; Kiisi n’azaala Sawulo; Sawulo n’azaala Yonasaani, ne Malukisuwa, ne Abinadabu, ne Esubaali.
- 34** Era Meribubaali ye yali mutabani wa Yonasaani; Meribubaali n’azaala Mikka.
- 35** Ne batabani ba Mikka; Pisoni, ne Mereki, ne Taleya, ne Akazi.
- 36** Akazi n’azaala Yekoyaada; Yekoyaada n’azaala Alemesi, ne Azumavesi, ne Zimuli; Zimuli n’azaala Moza:
- 37** ne Moza n’azaala Bineya; Lafa ye yali mutabani we, Ereyasa mutabani we, Azeri mutabani we:
- 38** Azeri n’azaala batabani be mukaaga, amannya gaabwe gaagano; Azulikamu, Bokeru, ne Isimaeri, ne Seyaliya, ne Obadiya, ne Kanani. Abo bonna baali batabani ba Azeri.
- 39** Ne batabani ba Eseki muganda we; Ulamu omubereberye we, Yewusi ow’okubiri, ne Erifereti ow’okusatu.
- 40** Ne batabani ba Ulamu ne baba basajja ab’amaanyi abazira, abalasi, era baalina batabani baabwe bangi, n’abazzukulu, kikumi mu ataano. Abo bonna baali ku batabani ba Benyamini.

Essuula 9

- 1** Awo Isiraeri yenna ne babalibwa ng’okuzaalibwa kwabwe bwe kwali; era, laba, kwawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isiraeri: Yuda n’atwalibwa e Babulooni nga basibe olw’okusobya kwabwe.
- 2** Awo abantu abaasooka okubeera mu bifo byabwe bye baalya mu bibuga byabwe be bano, Isiraeri, bakabona, Abaleevi, n’Abanesinimu.
- 3** Ne mu Yersaalemi ne mubeeramu ku baana ba Yuda, ne ku baana ba Benyamini, ne ku baana ba Efulayimu ne Manase;
- 4** Usayi mutabani wa Ammikudi, mutabani wa Omuli, mutabani wa Imuli, mutabani wa Bani, ow’oku baana ba Preezi mutabani wa Yuda.
- 5** Ne ku Basiro; Asaya omubereberye, ne batabani be.
- 6** Ne ku batabani ba Zeera; Yeweri, ne baganda baabwe, lukaaga mu kyenda.
- 7** Ne ku batabani ba Benyamini; Sallu mutabani wa Mesullamu, mutabani wa Kodaviya, mutabani wa Kassenuwa;
- 8** ne Ibuneya mutabani wa Yerokamu, ne Era mutabani wa Uzzi, mutabani wa Mikuli, ne Mesullamu mutabani wa Sefatiya, mutabani wa Leweri, mutabani wa Ibuniya;
- 9** ne baganda baabwe ng’okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, lwenda mu ataano mu mukaaga. Abasajja abo bonna nga mitwe gya nnyumba za bajjajjaabwe, ng’ennyumba za bajjajjaabwe bwe zaali.
- 10** Ne ku bakabona; Yedaya, ne Yekoyalibu, Yakini;
- 11** ne Azaliya mutabani wa Kirukiya, mutabani wa Mesulamu, mutabani wa Zadooki, mutabani wa Merayoosi, mutabani wa Akituubu, omukulu w’ennyumba ya Katonda;
- 12** ne Adaaya mutabani wa Yerokamu, mutabani wa Pasukuli, mutabani wa Malukiya, ne Maasayi mutabani wa Adyeri, mutabani wa Yazera, mutabani wa Mesullamu, mutabani wa Mesiremisi, mutabani wa Immeri;
- 13** ne baganda baabwe emitwe gy’ennyumba za bajjajjaabwe, lukumi mu lusanku mu nkaaga; abasajja abaayinziza ddala omulimu ogw’okuweereza mu nnyumba ya Katonda.
- 14** Ne ku Baleevi; Semaaya mutabani wa Kassubu, mutabani wa Azulikamu, mutabani

wa Kasabiya ow'oku batabani ba Merali:

- 15 ne Bakubakkali, Keresi, ne Galali, ne Mattaniya mutabani wa Mikka, mutabani wa Zikuli, mutabani wa Asafu;
- 16 ne Obadiya mutabani wa Semaaya, mutabani wa Galali, mutabani wa Yedusuni, ne Berekiya mutabani wa Asa, mutabani wa Erukaana, eyabeeranga mu byalo eby' Abanetofa.
- 17 N'abaggazi; Sallumu, ne Akkubu, ne Talumoni, ne Akimani, ne baganda baabwe: Sallumu ye yali omukulu;
- 18 edda abaalindiriranga mu mulyango gwa kabaka ebuwanjuba; be baali abaggazi ab'olusiisira lw'abaana ba Leevi.
- 19 Ne Sallumu mutabani wa Koole, mutabani wa Ebiyasaafu, mutabani wa Koola, ne baganda be ab'omu nnyumba ya kitaawe, Abakoola, be baalabirira omulimu ogw'okuweereza, abaggazi b'enzigi z'eweema: ne bajjajjaabwe be baabanga abakulu b'olusiisira lwa Mukama, abaggazi b'omulyango;
- 20 ne Finekaasi mutabani wa Eriyazaali ye yabanga omukulu waabwe mu biro eby'edda, era Mukama yabanga naye.
- 21 Zekkaliya mutabani wa Meseremiya ye yali omuggazi ow'oku luggi lw'eweema ey'okusisinkanirangamu.
- 22 Abo bonna abaalondebwa okuba abaggazi ku nzigi baali ebikumi bibiri mu kkumi mu babiri. Abo baabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali mu byalo byabwe, Dawudi ne Samwiri nnabbi be baayawulira omulimu gwabwe ogwateekebwawo.
- 23 Awo bo n'abaana baabwe ne baba n'omulimu ogw'okulabirira enzigi z'ennyumba ya Mukama, ennyumba ey'eweema, mu bisanja.
- 24 Abaggazi baabeeranga ku njuyi ennya, ebuwanjuba n'ebugwanjuba n'obukiika obwa kkono n'obukiika obwa ddyo.
- 25 Ne baganda baabwe mu byalo byabwe baali ba kujjanga nga wayiseewo ennaku musanvu buli kiseera okubeera awamu nabo:
- 26 kubanga abaggazi abana abaasinga obukulu, Abaleevi, baalina omulimu ogwateekebwawo, nga be bakulu b'enju era ab'amawanika mu nnyumba ya Katonda.
- 27 Ne basula okwetooloola ennyumba ya Katonda, kubanga be baakwasibwa omulimu ogw'okugikuuma, n'okugiggulawo buli nkya nga gwe mulimu gwabwe.
- 28 Era abamu ku bo ne bakwasibwa ebintu ebiweereza okubikuuma; kubanga bwe byayingizibwanga ne bibalibwanga, era bwe byafulumizibwanga ne bibalibwanga.
- 29 Era abamu ku bo ne balagirwa okulabirira ebikoza emirimu n'ebintu byonna eby'omu watukuvu, n'obutta obulungi, n'omwenge, n'amafuta, n'omugavu, n'eby'akaloosa.
- 30 Era abamu ku baana ba bakabona ne balongoosanga kalifuwa ow'eby'akaloosa.
- 31 Ne Mattisiya, omu ku Baleevi, omubereberye wa Sallumu Omukoola, ye yalina omulimu ogwateekebwawo ogw'okulabirira ebyo ebyasiikirwanga mu mmumbiro.
- 32 Era abamu ku baganda baabwe ku baana ba b'Abakokasi be baalabiriranga emigaati egy'okulaga, okugirongoosanga buli ssabiiti.
- 33 Era bano be bayimbi, emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe ez'Abaleevi, abaasula mu nju era abaasonyiyibwa okuweereza okulala: kubanga baakolanga omulimu gwabwe emisana n'ekiro.
- 34 Abo be baali emitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe ez'Abaleevi, okubuna emirembe gyabwe, abasajja abasinga obukulu: abo baabeeranga e Yerusaalemi.
- 35 Ne kitaawe wa Gibyoni n'abeeranga mu Gibyoni, Yeyeeri, mukazi we erinnya lye Maaka:
- 36 ne mutabani we omubereberye Abudoni, ne Zuuli, ne Kiisi, ne Baali, ne Neeri, ne Nadabu;
- 37 ne Gedoli, ne Akiyo, ne Zekkaliya, ne Mikuloosi.

- 38 Mikuloosi n'azaala Simeyamu. Era nabo ne babeeranga ne baganda baabwe e Yerusalemi, nga boolekera baganda baabwe.
- 39 Neeri n'azaala Kiisi; Kiisi n'azaala Sawulo; Sawulo n'azaala Yonasaani, ne Malukisuwa, ne Abinadabu, ne Esubaali.
- 40 Ne Meribubaali ye yali mutabani wa Yonamani; Meribubaali n'azaala Mikka.
- 41 Ne batabani ba Mikka; Pisoni, ne Mereki, ne Taleya, ne Akazi.
- 42 Akazi n'azaala Yala; Yala n'azaala Alesesi, ne Azumavesi, ne Zimuli; Zimuli n'azaala Moza;
- 43 Moza n'azaala Bineya; ne Lefaya nutabani we, Ereyaasa mutabani we, Azeri mutabani we;
- 44 Azeri n'azaala batabani be mukaaga, amanya gaabwe gaagano; Azulikamu, Bokeru, ne Isimaeri, ne Seyaliya, ne Obadiya, ne Kanani: abo be baali batabani ba Azeri.

Essuula 10

- 1 Awo Abafirisuuti ne balwana ne Isiraeri: abasajja ba Isiraeri ne badduka Abafirisuuti ne bagwa nga battiddwa ku lusozi Girubowa.
- 2 Abafirisuuti ne bacocca Sawulo ne batabani be; Abafirisuuti ne batta Yonasaani, ne Abinadaabu, ne Malukisuwa, batabani ba Sawulo.
- 3 Awo olutalo Sawulo ne lumugendera bubi, abalasi ne bamutuukako; neyeeraliikirira olw'abalasi.
- 4 Awo Sawulo n'agamba oyo eyatwalanga ebyokulwanyisa bye nti Sowola ekitala kyo onfumitire ddala nakyo; abatali bakomole abo baleme okujja ne banswaza. Naye eyatwalanga ebyokulwanyisa bye n'agaana; kubanga yatya nnyo. Sawulo kyeyava addira ekitala kye n'akigwako.
- 5 Awo eyatwalanga ebyokulwanyisa bye bwe yalaba Sawulo ng'afudde, era naye n'agwa ku kitala kye n'afa.
- 6 Sawulo n'afa bw'atyo ne batabani be bonsatule; n'ab'omu nnyumba ye bonna ne bafira wamu.
- 7 Awo abasajja bonna aba Isiraeri abaali mu kiwonvu bwe baalaba nga badduse, era nga Sawulo ne batabani be bafudde, ne baleka ebibuga byabwe ne badduka; Abafirisuuti ne bajja ne babibeeramu.
- 8 Awo olwatuuka olw'okubiri, Abafirisuuti bwe bajja okwambula abattiddwa, ne basanga Sawulo ne batabani be nga bagudde ku lusozi Girubowa.
- 9 Ne bamwambula, ne baddira omutwe gwe n'ebiyokulwanyisa bye, ne batuma mu nsi y'Abafirisuuti enjuyi zonna, okutwala ebighambo ebyo eri ebifaananyi byabwe, n'eri abantu.
- 10 Ne bateeka ebyokulwanyisa bye mu ssabo lya bakatonda baabwe, ne basimba omutwe gwe mu ssabo lya Dagoni.
- 11 Awo ab'e Yabesugireyaadi bonna bwe baawulira byonna Abafirisuuti bye bakoze Sawulo,
- 12 abazira bonna ne bagolokoka ne baggyayo omulambo gwa Sawulo n'emirambo gya batabani be, ne bagireeta e Yabesi, ne baziika amagumba gaabwe wansi w'omwera e Yabesi, ne basiibira ennaku musanvu.
- 13 Bw'atyo Sawulo n'afa olw'okusobya kwe kwe yasobya Mukama, olw'ekigambo kya Mukama ky'ataakwata; era kubanga yalagulwa eri eyaliko omuzimu, okumubuulizamu,
- 14 n'atalagulwa eri Mukama: kyeyava amutta, n'akyusa obwakabaka eri Dawudi mutabani wa Yese.

Essuula 11

- 1 Awo Abaisiraeri bonna ne bakuaanira eri Dawudi e Kebbulooni, nga boogera nti Laba, tuli ba ku magumba go na mubiri gwo.
- 2 Mu biro eby'edda Sawulo bwe yali nga ye kabaka, ggwe wafulumyanga n'oyingiza Isiraeri: Mukama Katonda wo n'akugamba nti Ggwe olirunda abantu bange Isiraeri, era ggwe oliba omulangira w'abantu bange Isiraeri.
- 3 Awo abakadde bonna aba Isiraeri ne bajja eri kabaka e Kebbulooni; Dawudi n'ala-gaana nabo endagaano e Kebbulooni mu maaso ga Mukama; ne bafuka ku Dawudi amafuta okuba kabaka wa Isiraeri, ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali mu mukono gwa Samwiri.
- 4 Awo Dawudi ne Isiraeri yenna ne bagenda e Yerusalemi (ye Yebusi;) era Abayebusi, be b'omu nsi eyo, baali eyo.
- 5 Awo Abayebusi ne bagamba Dawudi nti Tojja kuyingira muno. Naye Dawudi n'amenya ekigo kye Sayuuni; ekyo kye kibuga kya Dawudi.
- 6 Dawudi n'ayogera nti Buli anaasooka okugoba Abayebusi ye aliba omukulu era omwami. Awo Yowaabu mutabani wa Zeruyiya n'asooka okulinye, n'afuuka mukulu.
- 7 Dawudi n'abeera mu kigo; kyebaava bakiyita ekibuga kya Dawudi.
- 8 N'azimba ekibuga enjuyi zonna, okuva e Miiro n'enjuyi zonna: Yowaabu n'addaabiriza ebitundu by'ekibuga ebyasigalawo.
- 9 Dawudi ne yeeyongerayongeranga okuba omukulu; kubanga Mukama ow'eggye ng'ali naye.
- 10 Era bano be baasinga obukulu mu bazira Dawudi be yalina, abeeraga nga ba maanyi eri ye mu bwakabaka bwe wamu ne Isiraeri yenna, okumufuula kabaka, ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali ekya Isiraeri.
- 11 Era guno gwe muwendo gw'ab'amaanyi Dawudi be yalina: Yasobeyamu, omwana w'Omukakumoni, omukulu w'abo amakumi asatu: yayimusa effumu lye okulwana n'ebikumi bisatu n'abatta omulundi gumu.
- 12 N'oluvannyuma lw'oyo Eriyazaali mutabani wa Dodo, Omwakowa, ow'oku basajja ab'amaanyi abasatu.
- 13 Oyo yali wamu ne Dawudi e Pasudammiimu, era Abafirisuuti ne bakuaanira eyo okulwana, awaali omusiri ogwa sayiri; abantu ne badduka mu maaso g'Abafirisuuti.
- 14 Ne bayimirira wakati mu nnimiro ne bagulwanirira, ne batta Abafirisuuti; Mukama n'abalokola n'okuwangula okukulu.
- 15 Awo abasatu ku bakulu amakumi asatu ne baserengeta eri olwazi eri Dawudi, mu mpuku ya Adulamu; eggye ly'Abafirisuuti nga basiisidde mu kiwonvu Lefayimu.
- 16 Era Dawudi yali ali ku kiddukiro mu biro ebyo, n'Abafirisuuti ab'omu kigo nga bali mu Besirekemu.
- 17 Dawudi ne yeegomba n'ayogera nti Singa wabaddewo anannywesa amazzi ag'omu luzzi olw'e Besirekemu, oluliraanye omulyango!
- 18 Awo abo abasatu ne bawaguza mu ggye ly'Abafirisuuti, ne basena amazzi mu luzzi olw'e Besirekemu olwaliraana omulyango, ne bagatwala ne bagaleetera Dawudi: naye Dawudi n'atakkiriza kunywako, naye n'agafuka eri Mukama, n'ayogera nti
- 19 Katonda wange akiddize eri gye ndi nze okukola bwe ntyo: nnywe omusaayi gw'abasajja bano abavudde mu bulamu bwabwe? kubanga bagaleese nga bavudde mu bulamu bwabwe. Kyeyava agaana okuganywa. Ebyo abasajja abo ab'amaanyi abasatu bye baakola.
- 20 Era Abisaayi muganda wa Yowaabu ye yali omukulu w'abasatu kubanga yayimusa effumu lye okulwana n'ebikumi bisatu n'abatta, n'ayatiikirira ku basatu.

- 21 Ku abo abasatu yali n'ekitiibwa okusinga ababiri, n'afuuka omukulu waabwe: naye n'atenkana abasatu ab'olubereberye.
- 22 Benaya mutabani wa Yekoyaada omwana w'omuzira ow'e Kabuzeeri, eyali akoze eby'amaanyi, oyo n'atta batabani ba Alyeri, owa Mowaabu bombi: era n'aserengeta n'atta empologoma wakati mu bunnya mu biro eby'omuzira.
- 23 Era n'atta Omumisiri, omusajja omuwanvu ennyo, obuwanyu bwe emikono etaano; era Omumisiri yali akutte mu ngalo ze effumu eryali ng'omuti ogulukirwako engoye; yaserengeta gy'ali ag'alina omuggo, n'asika effumu n'aliggya mu mukono gw'Omu-misiri, n'amutta n'effumu lye ye.
- 24 Ebyo Benaya mutabani wa Yekoyaada bye yakola, n'ayatiikirira ku basajja abo ab'amaanyi abasatu.
- 25 Laba, yali n'ekitiibwa okusinga abo amakumi asatu, naye n'atenkana abasatu ab'olubereberye: Dawudi n'amufuula omukulu w'abambowa be.
- 26 Era abasajja ab'amaanyi ab'omu ggye; Aaskeri muganda wa Yowaabu, Erukanani mutabani wa Dodo ow'e Besirekemu;
- 27 Sammosi Omukalooli, Kerezi Omuperoni;
- 28 Ira mutabani wa Ikkesi Omutekowa, Abiyezeeri Omwanasosi;
- 29 Sibbekayi Omukusasi, Irayi Omwakowa;
- 30 Makalayi Omunetofa; Keredi mutabani wa Bayaana Omunetofa;
- 31 Isayi mutabani wa Libayi owe Gibeya ow'oku baana ba Benyamini, Benaya Omupira-soni;
- 32 Kulayi ow'oku bugga obw'e Gaasi, Abyeri Omwaluba;
- 33 Azimavesi Omubakalumi, Eriyaba Omusaaluboni;
- 34 batabani ba Kasemu Omugizoni, Yonasaani mutabani wa Sage Omukalali;
- 35 Akiyamu mutabani wa Sakali Omukalali, ,Erifali mutabani wa Uli;
- 36 Keferi Omumekera, Akiya Omuperoni;
- 37 Kezulo Omukalumeri, Naalayi mutabani wa Ezubayi;
- 38 Yoweeri muganda wa Nasani, Mibukali mutabani wa Kaguli;
- 39 Zereki Omwamoni, Nakalayi Omubeerosi, eyatwaliranga Yowaabu mutabani wa Zeruyiya ebyokulwanyisa bye;
- 40 Ira Omuyisuli, Galebu Omuyisuli;
- 41 Uliya Omukiiti, Zabadi mutabani wa Akulayi;
- 42 Adina mutabani wa Siza Omulewubeeni, omwami ow'omu Balewubeeni, n'amakumi asatu wamu naye;
- 43 Kanani mutabani wa Maaka, ne Yosafati Omumisuni;
- 44 Uzziya Omwasutaloosi, Sama ne Yeyeeri batabani ba Kosamu Omwaloweri;
- 45 Yediyayeri mutabani wa Simuli, ne Yoka muganda we, Omutiizi;
- 46 Eryeri Omumakavi, ne Yeribayi, ne Yosaviya, batabani ba Erunaamu, ne Isuma Omumowaabu;
- 47 Eryeri ne Obedi ne Yaasiyeri Omumezoba.

Essuula 12

- 1 Era bano be bajja eri Dawudi e Zikulagi ng'akyekwese olwa Sawulo, mutabani wa Kiisi: era baabanga mu basajja ab'amaanyi abaamubeeranga okulwana.
- 2 Baakwatanga emitego era baayinza okuvuumuula amayinja n'okulasa obusaale ku mutego n'omukono ogwa ddyo era n'ogwa kkono; baali ba ku baganda ba Sawulo, ba Benyamini.
- 3 Akiyezeri ye yali omukulu, Yowaasi n'amuddirira, batabani ba Semaa Omugibeya; ne Yeziyeri ne Pereti, batabani ba Azumavesi; ne Beraka, ne Yeeku Omwanasosi;

- 4 ne Isumaya Omugibyoni, omusajja ow'amaanyi mu abo amakumi asatu, era omukulu w'amakumi asatu; Yeremiya, ne Yakaziyeri, ne Yokanani, ne Yozabadi Omugederi;
- 5 Eruzayi ne Yerimosi, ne Beyaliya ne Semaliya, ne Sefatiya Omukalufu;
- 6 Erukaana ne Issiya ne Azaleri ne Yowezeeri ne Yasobeyamu, Abakoola;
- 7 ne Yowera ne Zebadiya, batabani ba Yerokamu ow'e Gedoli.
- 8 Ne ku Bagaadi ne kweyawula abaagoberera Dawudi ku kiddukiro mu ddungu abasajja ab'amaanyi abazira, abasajja abaayigirizibwa okulwana, abaayinza okukwata engabo n'effumu; amaaso gaabwe nga gafaanana amaaso g'empologoma, era ab'embiro ng'empeewo eziri ku nsozi;
- 9 Ezeri omukulu, Obadiya ow'okubiri, Eriyaabu ow'okusatu;
- 10 Misumanna ow'okuna, Yeremiya ow'okutaano;
- 11 Attayi ow'omukaaga, Eriyeri ow'omusanvu;
- 12 Yokanani ow'omunaana, Eruzabadi ow'omwenda;
- 13 Yeremiya ow'ekkumi, Makubannayi ow'ekkumi n'omu.
- 14 Abo ab'oku baana ba Gaadi be baali abakulu b'eggye; omuto nga yenkana ekikumi, n'omukulu nga yenkana olukumi.
- 15 Abo be baasomoka Yoludaani mu mwezi ogw'olubereberye, nga gumaze okwanjaala ku ttale lyagwo lyonna; ne bagoba abo bonna ab'omu biwonvu, ebuwanjuba era n'ebugwanjuba.
- 16 Awo ku baana ba Benyamini ne Yuda ne kujja mu kiddukiro eri Dawudi.
- 17 Dawudi n'afuluma okubasisinkana, n'addamu n'abagamba nti Oba nga muzze gye ndi mirembe okunnya, omutima gwange guneegatta nammwe: naye oba nga muzze okundyamu olukwe eri abalabe bange, nga temuli kabi nu mikono gyange, Katonda wa bajjajaffe akitunuulire, akinenye:
- 18 Awo omwoyo ne gulyoka gujja ku Amasayi, eyali omukulu w'abo amakumi asatu, n'ayogera nti Tuli babo, Dawudi, era tuli ku lulwo, gwe mutabani wa Yese: emirembe, emirembe gibe gy'oli, era emirembe gibe eri abo abakuyamba; kubanga Katonda wo akuyamba. Awo Dawudi n'abaaniriza, n'abafuula abaami b'ekitongole.
- 19 Era ne ku Manase ne kusenguka abamu ne basenga Dawudi, bwe yajja awamu n'Abafirisuuti okutabaala Sawulo, naye ne batabayamba: kubanga abakungu b'Abafirisuuti bwe baamala okuteesa ne bamugoba, nga boogera nti Anaasenga mukama we Sawulo n'aleeta akabi ku mitwe gyaffe.
- 20 Bwe yali ng'agenda e Zikulagi, ne kumusenga ku Manase Aduna ne Yozabadi ne Yediyayaeri ne Mikayiri ne Yozabadi ne Eriku ne Zirresayi, abaami b'enkumi aba Manase.
- 21 Ne bayamba Dawudi okulwana n'ekibiina eky'abakwekwesi: kubanga bonna baali basajja ba maanyi abazira, era nga baami ab'omu ggye.
- 22 Kubanga buli lunaku ne bajja eri Dawudi okumuyamba, okutuusa lwe baafuuka eggye ddene, erifaanana eggye lya Katonda.
- 23 Era gino gye miwendo gy'emitwe gy'abo abaakwata ebyokulwanyisa okulwana, abajja eri Dawudi e Kebbulooni, okukyusa obwakabaka bwa Sawulo eri ye, ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali.
- 24 Abaana ba Yuda abaakwatanga engabo n'effumu baali kakaaga mu lunaana abaakwata ebyokulwanyisa okulwana.
- 25 Ku baana ba Simyoni abasajja ab'amaanyi abazira okulwana, kasanvu mu kikumi.
- 26 Ne ku baana ba Leevi, enkumi nnya mu lukaaga.
- 27 Era Yekoyaada ye yali omukulembezi w'ennyumba ya Aloon, era ne waba wamu naye enkumi ssatu mu lusanvu;
- 28 ne Zadooki, omulenzi ow'amaanyi omuzira, ne ku nnyumba ya kitaawe, abaami amakumi abiri mu babiri.

- 29 Ne ku baana ba Benyamini, baganda ba Sawulo, enkumi ssatu: kubanga okutuusa ku biro ebyo abasinga obungi baali banyweredde ku nnyumba ya Sawulo.
- 30 Ne ku baana ba Efulayimu, obukumi bubiri mu lunaana, abasajja ab'amaanyi abazira, abasajja abaayatiikirira mu nnyumba za bajajjaabwe.
- 31 Ne ku kitundu ky'ekika kya Manase, kakumi mu kanaana, abaayatulwa amanya gaabwe okujja okufuula Dawudi kabaka.
- 32 Ne ku baana ba Isakaali, abasajja abaategeera ebiro bwe byali, okumanya ebigwanidde Isiraeri okukola; emitwe gyabwe gyali ebikumi bibiri; ne baganda baabwe bonna baagonderanga okulagira kwabwe.
- 33 Ku Zebbulooni abo abaayinza okutabaala mu ggye, abaayinza okusimba ennyiriri, n'ebiyokulwanyisa eby'engeri zonna, obukumi butaano; era abaayinza okusimba (ennyiriri,) so abataali ba mitima ebiri.
- 34 Ne ku Nafutaali, abaami lukumi, era wamu n'abo abalina engabo n'effumu, obukumi busatu mu kasanvu.
- 35 Ne ku Badani abaayinza okusimba ennyiriri, obukumi bubiri mu kanaana mu lukaaga.
- 36 Ne ku Aseri, abaayinza okutabaala mu ggye, abaayinza okusimba ennyiriri, obukumi buna.
- 37 N'emitala wa Yoludaani, ku Balewubeeni n'Abagaadi ne ku kitundu ky'ekika kya Manase, nga balina ebyokulwaayisa eby'engeri zonna olw'olutalo, kasiriivu mu obukumi bubiri.
- 38 Abo bonna, abasajja abalwanyi, abaayinza okusimba ennyiriri, ne bajja n'omutima ogwatuukirira e Kebbulooni, okufuula Dawudi kabaka wa Isiraeri yenna: era n'Abaisiraeri abalala bonna baalina omutima gumu okufuula Dawudi kabaka.
- 39 Awo ne bamalayo wamu ne Dawudi ennaku ssatu nga balya era nga banywa: kubanga baganda baabwe baali babategekede.
- 40 Era nate abo abaabali okumpi, okutuuka ku Isakaali ne Zebbulooni ne Nafutaali, ne baleeta emigaati ku ndogoyi ne ku amira ne ku nnyumba ne ku nte, ebyokulya eby'obutta; n'ebitole eby'ettiini n'ebirimba eby'ezabbibu enkalu n'omwenge n'amafuta n'ente n'endiga nnyingi: kubanga mu Isiraeri nga mulimu essanyu.

Essuula 13

- 1 Awo Dawudi n'ateesa n'abaami b'enkumi n'ab'ebikumi, buli mukulu.
- 2 Dawudi n'agamba ekkuaanero lyonna erya Isiraeri nti Oba nga musiima bwe mutyo, era oba nga kivudde eri Mukama Katonda waffe, tutume wonna wonna eri baganda baffe abasigaddewo mu nsi yonna eya Isiraeri, bakabona n'Abaleevi be bali nabo mu bibuga byabwe, ebiriko ebyalo, bakuaanire gye tuli;
- 3 tukomyewo gye tuli essanduuko ya Katonda waffe: kubanga tetwagyebuuzangako kigambo mu mirembe gya Sawulo.
- 4 Ekkuaanero lyonna ne boogera nga banaakola bwe batyo: kubanga ekigambo kyali kirungi mu maaso g'abantu bonna.
- 5 Awo Dawudi n'akuaanya Isiraeri yenna, okuva ku Sikoli akagga ak'e Misiri okutuuka awayingirirwa e Kamasi, okuleeta essanduuko ya Katonda nga bagiggya e Kiriya-suyalimu.
- 6 Dawudi n'ayambuka ne Isiraeri yenna e Baala, ye Kiriya-suyalimu, ekya Yuda, okukimayo essanduuko ya Katonda, Mukama atuula ku bakerubi, ayitibwa Erinnya lye nnyini.
- 7 Ne basitulira essanduuko ya Katonda ku ggaali eriggya, ne bagiggya mu nnyumba ya Abinadaabu; Uzza ne Akiyo ne bagoba eggaali.
- 8 Dawudi ne Isiraeri yenna ne bazannyira mu maaso ga Katonda n'amaanyi gaabwe

gonna; nga bayimba era nga bakuba ennanga n'entongooli, n'ebitaasa n'ebisaala, n'amakondeere.

- 9 Awo bwe baatuuka ku gguuliro lya Kidoni, Uzza n'agolola omukono gwe okukwata essanduuko; kubanga ente zeositadde.
- 10 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuukira Uzza, n'amutta, kubanga yagolola omukono gwe ku ssanduuko: n'afiira eyo mu maaso ga Katonda.
- 11 Dawudi n'anyiiga kubanga Mukama ng'awamatukidde Uzza: n'ayita ekifo ekyo Perezuzza, ne leero.
- 12 Dawudi n'atya Katonda ku lunaku olwo, ng'ayogera nti Naakomyawo ntya essanduuko ya Katonda eka ewange?
- 13 Awo Dawudi n'ataleeta ssanduuko okugireeta gy'ali mu kibuga kya Dawudi, naye n'agikyanya mu nnyumba ya Obededomu Omugitti.
- 14 Essanduuko ya Katonda n'emala emyezi esatu ng'eri n'aba Obededomu mu nnyumba ye: Mukama n'awa omukisa ennyumba ya Obededomu ne byonna bye yalina.

Essuula 14

- 1 Kiramu kabaka w'e Ttuulo n'atuma ababaka eri Dawudi n'emivule n'abazimbi b'amayinja n'ababazzi, okumuzimbira ennyumba.
- 2 Dawudi n'ategeera nga Mukama amunywezezza okuba kabaka wa Isiraeri, kubanga obwakabaka bwe bwagulumizibwa waggulu, olw'abantu be Isiraeri.
- 3 Awo Dawudi ne yeeyongerera okuwasa abakazi e Yerusaalemi: Dawudi ne yeeyongerera okuzaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 4 Era gano ge mannya g'abaana be yazaalira e Yerusaalemi; Sammuwa ne Sobabu, Nasani ne Sulemaani;
- 5 ne Ibukali ne Eriswa ne Erupereti;
- 6 ne Noga ne Nefegi ne Yafiya;
- 7 ne Erisaama ne Beeriyadda ne Erifereti.
- 8 Awo Abafirisuuti bwe baawulira Dawudi ng'afukiddwako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri yenna, Abafirisuuti bonna ne bambuka okunoonya Dawudi: Dawudi n'akiwulira, n'abatabaala.
- 9 Era Abafirisuuti baali bazze ne bazinda ekiwonvu Lefayimu.
- 10 Dawudi n'abuuza Katonda ng'ayogera nti Ntabaale Abafirisuuti? era onoobagabula mu mukono gwange? Mukama n'amugamba nti Tabaala; kubanga ndibagabula mu mukono gwo.
- 11 Awo ne batabaala e Baaluperazimu, Dawudi n'abakubira eyo; Dawudi n'ayogera nti Katonda amenye abalabe bange n'omukono gwange, ng'amazzi bwe gamenyeka. Ekifo ekyo kyeabaava bakituuma erinnya Baaluperazimu.
- 12 Ne baleka eyo bakatonda baabwe; Dawudi n'alagira ne babookya omuliro.
- 13 Abafirisuuti ne bazinda ekiwonvu nate olw'okubiri.
- 14 Dawudi n'abuuza nate Katonda; Katonda n'amugamba nti Totabaala okubagoberera: kyuka obaveeko, obatuukeko ng'abafuluma mu maaso g'emitugunda.
- 15 Awo olunaatuuka bw'onoowulira eddoozi ery'okutambula ku masanso g'emitugunda, n'olyoka otabaala: kubanga Katonda atabadde okukukulembera okukuba eggye ery'Abafirisuuti.
- 16 Dawudi n'akola nga Katonda bwe yamulagira: ne bakuba eggye ery'Abafirisuuti okuva e Gibyoni okutuuka e Gezeri.
- 17 Ettutumo lya Dawudi ne libuna ensi zonna; Mukama n'aleeta entiisa ye ku mawanga gonna.

Essuula 15

- 1 Awo Dawudi ne yeezimbira ennyumba mu kibuga kya Dawudi: n'ategekera essanduuko ya Katonda ekifo, n'agikubira eweema.
- 2 Awo Dawudi n'ayogera nti Si kirungi omuntu yenna okusitula essanduuko ya Katonda wabula Abaleevi: kubanga abo Mukama be yalonda okusitulanga essanduuko ya Katonda, n'okumuweerezanga ennaku zonna.
- 3 Awo Dawudi n'akuaanya Isiraeri yenna e Yerusalemi, okulinyisa essanduuko ya Mukama mu kifo kyayo kye yali agitegekede.
- 4 Dawudi n'akuaanya batabani ba Aloon n'Abaleevi:
- 5 ku batabani ba Kokasi; Uliyeri omukulu, ne baganda be kikumi mu abiri:
- 6 ku batabani ba Merali; Asaya omukulu, ne baganda be ebikumi bibiri mu abiri;
- 7 ku batabani ba Gerusomu: Yoweeri omukulu, ne baganda be kikumi mu asatu:
- 8 ku batabani ba Erizafani; Semaaya omukulu, ne baganda be ebikumi bibiri:
- 9 ku batabani ba Kebbuloooni; Eryeri omukulu, ne baganda be kinaana:
- 10 ku batabani ba Wuziyeeri; Amminadaabu omukulu, ne baganda be kikumi mu kkumi na babiri.
- 11 Dawudi n'ayita Zadoki ne Abiyasaali bakabona, n'Abaleevi, Uliyeri ne Asaya ne Yoweeri, Semaaya ne Eryeri ne Amminadaabu,
- 12 n'abagamba nti Mmwe muli mitwe gy'ennyumba za bajjajjaabwe ez'Abaleevi: mwetukuze, mmwe era ne baganda bammwe, mulyoke mulinyise essanduuko ya Mukama Katonda wa Isiraeri mu kifo kye ngitegekede.
- 13 Kubanga temwasooka kugisitula, Mukama Katonda waffe kyeyava atuwamatukira, kubanga tetwamunoonya nekiragirowe kyali.
- 14 Awo bakabona n'Abaleevi ne beetukuza okulinyisa essanduuko ya Mukama Katonda wa Isiraeri.
- 15 Abaana b'Abaleevi ne basitulira essanduuko ya Katonda ku bibegabega byabwe n'emisituliro gyako nga Musa bwe yalagira ng'ekigambo kya Mukama bwe kyali.
- 16 Dawudi n'agamba Abaleevi abakulu okulonda baganda baabwe abayimbi, nga balina ebivuga, entongooli n'ennanga n'ebitaasa, nga babikuba era nga bayimusa eddoozi n'essanyu,
- 17 Awo Abaleevi ne balonda Kemani mutabani wa Yoweeri; ne ku baganda be, Asafu mutabani wa Berekiya; ne ku batabani ba Merali baganda baabwe, Esani mutabani wa Kusaya;
- 18 era wamu nabo baganda baabwe ab'omutindo ogw'okubiri, Zekkaliya, Beni, ne Yaazyeri, ne Semiramosi, ne Yekyeri, ne Unni, Eriyaabu, ne Benaya, ne Maaseya, ne Mattisiya, ne Erifereku, ne Mikuneya, ne Obededomu, ne Yeyeeri, abaggazi.
- 19 Awo abayimbi, Kemani, Asafu, ne Esani, ne balondebwa, nga balina ebitaasa eby'ebikomo okuvuga;
- 20 Zekkaliya, ne Aziyeri, ne Semiramosi, ne Yekyeri, ne Unni, ne Eriyaabu, ne Maaseya, ne Benaya, nga balina entongooli ez'ekyalamosi;
- 21 ne Mattisiya, ne Erifereku, ne Mikuneya, ne Obededomu, ne Yeyeeri, ne Azaziya, nga balina ennanga ez'ekiseminisi, ez'okuleeterezanga.
- 22 Ne Kenaniya omukulu w'Abaleevi ye yalabiriranga okuyimba: ye yayigirizanga eby'okuyimba kubanga mutegeevu.
- 23 Ne Berekiya ne Erukaana be baali abaggazi ab'oku ssanduuko.
- 24 Ne Sebaniya ne Yosafaati ne Nesaneri ne Amasayi ne Zekkaliya ne Benaya ne Eryeza bakabona be baafuwanga amakondeere mu maaso g'essanduuko ya Katonda: ne Obededomu ne Yekiya be baali abaggazi ab'oku ssanduuko.
- 25 Awo Dawudi n'abakadde ba Isiraeri n'abaami b'enkumi ne bagenda okulinyisa

essanduuko ey'endagaano ya Mukama okugiggya mu nnyumba ya Obededomu n'essanyu:

- 26 awo olwatuuka Katonda bwe yayamba Abaleevi abaasitula essanduuko ey'endagaano ya Mukama, ne bawaayo ente musanvu n'embuzi ennume musanvu.
- 27 Dawudi n'ayambala omunagirowa bafuta ennungi, n'Abaleevi bonna abaasitula essanduuko n'abayimbi ne Kenaniya omukulu w'okuyimba wamu n'abayimbi: era Dawudi yali ayambadde ekkanzu eya bafuta,
- 28 Bwe batyo Isiraeri yenna ne balinnyisa essanduuko ey'endagaano ya Mukama n'okwogerera waggulu n'eddooboozi ery'eombe n'amakondeere n'ebisaala nga bakuba nnyo entongooli n'ennanga.
- 29 Awo olwatuuka essanduuko ey'endagaano ya Mukama bwe yali ng'ejja mu kibuga kya Dawudi, Mikali muwala wa Sawulo n'alingiza mu ddirisa, n'alaba kabaka Dawudi ng'azina era ng'azannya; n'amunyooma mu mutima gwe.

Essuula 16

- 1 Ne bayingiza essanduuko ya Katonda, ne bagisimba wakati mu weema Dawudi gye yagikubira: ne baweerayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe mu maaso ga Katonda.
- 2 Awo Dawudi bwe yamala okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe, n'asabira abantu omukisa mu linnya lya Mukama.
- 3 N'agabira buli muntu mu Isiraeri, abasajja era n'abakazi, buli muntu omugaati n'omugabo ogw'ennyama n'ekitole eky'ezabbibu enkalu.
- 4 Era n'assaawo abamu ku Baleevi okuweerezanga mu maaso g'essanduuko ya Mukama, n'okujjukizanga n'okwebazanga Mukama, Katonda wa Isiraeri n'okumutenderezanga:
- 5 Asafu omukulu, addirira Zekkaliya, Yeyeeri, ne Semiramosi, ne Yekyeri, ne Mattisiya, ne Eriyaabu, ne Benaya, ne Obededomu, ne Yeyeeri, nga balina entongooli n'ennanga; ne Asafu ng'alina ebitaasa nga bivuga nnyo;
- 6 ne Benaya ne Yakaziyeeri bakabona nga balina amakondeere ennaku zonna mu maaso g'essanduuko ey'endagaano ya Katonda.
- 7 Awo ku lunaku olwo Dawudi kwe yasookera okulagira okwebaza Mukama n'omukono gwa Asafu ne baganda be.
- 8 Mwebaze Mukama, mukaabirire erinnya lye; Mumanyise ebikolwa bye mu mawanga.
- 9 Mumuyimbire, muyimbe okumutendereza; Mwogere ku by'amagero bye byonna.
- 10 Mwenyumirize olw'erinnya lye ettukuvu; Omutima gw'abo abanoonya Mukama gusanyuke.
- 11 Munoonye Mukama n'amaanyi ge; Munoonye amaaso ge ennaku zonna.
- 12 Mujjukire eby'amagero bye bye yakola; Eby'ekitalo bye, n'emisango egy'akamwa ke;
- 13 Mmwe ezzadde lya Isiraeri omuddu we, Mmwe abaana ba Yakobo, abalonde be.
- 14 Oyo ye Mukama Katonda waffe: Emisango gye gibuna ensi zonna.
- 15 Mujjukire endagaano ye ennaku zonna. Ekigambo kye yalagira emirembe olukumi:
- 16 (Endagaano) gye yalagaana ne Ibulayimu, N'ekirayiro kye yalayirira Isaaka;
- 17 N'ekyo n'akinyweza eri Yakobo okuba etteeka. Eri Isiraeri okuba endagaano eteriggwaawo:
- 18 Ng'ayogera nti Ggwe ndiwa ensi ya Kanani, Omugabo ogw'obusika bwammwe;
- 19 Bwe mwali abantu abatono omuwendo gwammwe; Weewaawo, abatono ennyo, era abo batambuze omwo;
- 20 Ne batambulatangula mu mawanga agatali gamu: Nga bava mu bwakabaka ne

baggukira mu bantu abalala.

- 21 Teyaganya muntu kuboona; Weewaawo, yanenya bakabaka ku lwabwe;
- 22 Ng'ayogera nti Temukomanga ku abo be nnaafukako amafuta, So temukolanga bubi bannabbi bange.
- 23 Muyimbire Mukama, mmwe ensi zonna; Mwolese obulokozi bwe buli lunaku buli lunaku.
- 24 Mubuulire ekitiibwa kye mu mawanga, Eby'amagero bye mu bantu bonna.
- 25 Kubanga Mukama mukulu, era agwana okutenderezabwa ennyo: Era agwana okutiibwa okusinga bakatonda bonna.
- 26 Kubanga bakatonda bonna ab'amawanga bye bifaananyi: Naye Mukama ye yakola eggulu.
- 27 Ekitiibwa n'obukulu biri mu maaso ge: Amaanyi n'essanyu biri mu kifo kye.
- 28 Muwe Mukama, mmwe ebika eby'amawanga, Muwe Mukama ekitiibwa n'amaanyi.
- 29 Muwe Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye: Muleete ekiweebwayo, mujje mu maaso ge: Musinze Mukama mu bulungi obw'obutukuvu:
- 30 Mukankane mu maaso ge, mmwe ensi zonna: Era n'ensi enywera n'okuyinza n'eteyinza kusagaasagana.
- 31 Eggulu lisanyuke, era n'ensi ejaguze; Boogere mu mawanga nti Mukama afuga.
- 32 Ennyanja ewuume, n'okujjula kwayo; Ennimirowo ejaguze, n'ebigirimu byonna;
- 33 Emiti egy'omu kibira ne giriyoka giyimba olw'essanyu mu maaso ga Mukama, Kubanga ajja okusalira ensi emisango.
- 34 Kale mwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 35 Mwogere nti Otulokole, ai Katonda ow'obulokozi bwaffe, Otukuaanye otuwonye mu mawanga, Okwebaza erinnya lyo ettukuvu, N'okujaguliza ettendo lyo.
- 36 Yeebazibwe Mukama, Katonda wa Isiraeri, Okuva mu mirembe gyonna okutuuka mu mirembe gyonna. Awo abantu bonna ne boogera nti Amiina, ne batendereza Mukama.
- 37 Awo n'aleka eyo mu maaso g'essanduuko ey'endagaano ya Mukama Asafu ne baganda be, okuweererezanga mu maaso g'essanduuko obutayosangawo, ng'omulimu ogwa buli lunaku bwe gwayagalanga:
- 38 ne Obededomu ne baganda baabwe, nkaaga mu munaana; era ne Obededomu mutabani wa Yedusuni ne Kosa okuba abaggazi;
- 39 ne Zadoki kabona, ne baganda be bakabona, mu maaso g'eweema ya Mukama mu kifo ekigulumivu ekyali e Gibyoni,
- 40 okuweerangayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama ku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa obutayosa enkya n'akawungeezi, nga byonna bwe biri ebyawandiikibwa mu mateeka ga Mukama, ge yalagira Isiraeri;
- 41 era wamu nabo Kemani ne Yedusuni, n'abalala abaalondebwa, abaayatulwa amannya gaabwe, okwebaza Mukama kubanga okusaasira kwe (kubeerera) emirembe gyonna;
- 42 era wamu nabo Kemani ne Yedusuni nga balina amakondeere n'ebitaasa olw'abo abagenda okubikuba, era (nga balina) ebireeta ennyimba za Katonda: ne batabani ba Yedusuni okuba ku mulyango.
- 43 Abantu bonna ne bagenda buli muntu ewuwe: Dawudi n'addayo okusabira ennyumba ye omukisa.

Essuula 17

- 1 Awo olwatuuka Dawudi bwe yabeera mu nnyumba ye, Dawudi n'agamba Nasani nabbi nti Laba, nze mbeera mu nnyumba ey'emivule, naye essanduuko ey'endagaano ya Mukama ebeera wansi w'ebitimbe.

- 2 Nasani n'agamba Dawudi nti Kola byonna ebiri mu mutima gwo; kubanga Katonda ali wamu naawe.
- 3 Awo olwatuuka mu kiro ekyo ekigambo kya Katonda ne kimujjira Nasani nti
- 4 Genda ogambe Dawudi omuddu wange nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Tonzimbira nnyumba ya kubeeramu:
- 5 kubanga sibeeranga mu nnyumba okuva ku lunaku lwe nnalinyisa Isiraeri ne leero; naye navanga mu weema ne mbeera mu weema, era navanga mu nsiisira ne mbeera mu nsiisira endala.
- 6 Mu bifo byonna gye nnaakatambula ne Isiraeri yenna nali njogedde ekigambo n'omulamuzi yenna ku balamuzi ba Isiraeri, be nnalagira okuliisa abantu bange, nga njogera nti Kiki ekyabalobera okunzimbira ennyumba ey'emivule?
- 7 Kale nno bw'otyo bw'onoogamba omuddu wange Dawudi, nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama ow'eggye nti Nakuggya ku kisibo ky'endiga, okugoberera endiga, obeere omulangira w'abantu bange Isiraeri:
- 8 era nabeeranga naawe buli gye wagentanga, ne mmalawo abalabe bo bonna mu maaso go; era ndikuwa erinnya okufaanana erinnya ly'abakulu abali mu nsi.
- 9 Era ndibateekerawo ekifo abantu bange Isiraeri, era ndibasimba babeere mu kifo kyabwe bo, baleme okujjulukuka nate; so n'abaana b'obubi tebaabazikirizenga nate, ng'olubereberye,
- 10 era (nga bwe kyali) okuva ku lunaku lwe nnalagira abalamuzi okufuga abantu bange Isiraeri; era ndiwangula abalabe bo bonna. Era nkugamba nga Mukama alikuzimbira ennyumba.
- 11 Awo olulituuka, ennaku zo bwe zirituukirira, n'ogwana okugenda okubeera awamu ne bajjajja bo, ne ndyoka nnyimiriza ezzadde lyo eririddawo oluvannyuma lwo, eririva mu batabani bo; era ndinyweza obwakabaka bwe:
- 12 Oyo ye alinzimbira ennyumba, era ndinyweza entebe ye emirembe gyonna.
- 13 Nze naaberanga kitaawe, naye anaabanga mwana wange; so siimuggyengako kusaasira kwange, nga bwe nnakuggya ku oyo ayakusooka:
- 14 naye naamutuuzanga mu nnyumba yange ne mu bwakabaka bwange emirembe gyonna: n'entebe ye eneenywezebwanga emirembe gyonna.
- 15 Ng'ebigambo ebyo byonna bwe byali era ng'okwolesebwa okwo kwonna bwe kwali, bw'atyo Nasani bwe yagamba Dawudi.
- 16 Awo Dawudi kabaka n'ayingira n'atuula mu maaso ga Mukama; n'ayogera nti Nze ani, ai Mukama Katonda, n'ennyumba yange kye ki, ggwe okuntuusa ne wano?
- 17 era ekigambo kino kyali kitono mu maaso go, ai Katonda; naye oyogedde ku nnyumba y'omuddu wo olw'ebiro bingi ebigenda okujja, era onkuzizza nnyo ng'obukulu bw'omusajja ow'ekitiibwa ekinene bwe buli, ai Mukama Katonda.
- 18 Kiki Dawudi ky'ayinza okweyongerera nate okugamba olw'ekitiibwa omuddu wo ky'assibwamu? kubanga ggwe omanyi omuddu wo.
- 19 Ai Mukama, ku lw'omuddu wo era ng'omutima gwo ggwe bwe guli, bw'otyo bw'oleese obukulu buno bwonna, okumanyisa ebikulu (bino) byonna.
- 20 Ai Mukama, tewali akufaanana, so tewali Katonda wabula ggwe, nga byonna bwe biri bye twawulira n'amatu gaffe.
- 21 Era ggwanga ki erimu eriri mu nsi erifaanana abantu bo Isiraeri, Katonda be yagenda okwenunulira okuba eggwanga, okwefunira erinnya n'ebigambo ebikulu eby'entiisa, ng'ogoba amawanga mu maaso g'abantu bo, be wanunula okubaggya mu Misiri?
- 22 Kubanga abantu bo Isiraeri wabafuula abantu bo ggwe emirembe gyonna: naawe, Mukama, wafuuka Katonda waabwe.
- 23 Kale nno, ai Mukama, ekigambo ky'oyogedde ku muddu wo ne ku nnyumba ye kinywezebwanga emirembe gyonna, era okolonga nga bw'oyogedde.

- 24 N'erinnya lyo, linywezebwenza ligulumizibwenza emirembe gyonna, nga boogera nti Mukama ow'eggye ye Katonda wa Isiraeri, Katonda eri Isiraeri: era ennyumba ya Dawudi omuddu wo enywezebwa mu maaso go.
- 25 Kubanga ggwe, ai Katonda wange, obikkulidde omuddu wo ng'olimuzimbira ennyumba: omuddu wo kyavudde alaba okusaba mu maaso go.
- 26 Era nno, ai Mukama, ggwe Katonda, era osuubizzizza omuddu wo ekigambo ekyyo ekirungi:
- 27 era kaakano osiimye okuwa omukisa ennyumba y'omuddu wo, ebeerere mu maaso go emirembe gyonna: kubanga ggwe, ai Mukama, owadde omukisa, era eweereddwa omukisa emirembe gyonna.

Essuula 18

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo olwatuuka Dawudi n'akuba Abafirisuuti n'abawangula, n'aggya Gaasi n'ebyalo byako mu mukono gw'Abafirisuuti.
- 2 N'akuba Mowaabu; Abamowaabu ne bafuuka baddu ba Dawudi, ne bamuleeteranga ebirabo.
- 3 Dawudi n'akuba Kadalezeri kabaka w'e Zoba okutuusa e Kamasi, bwe yali ng'agenda okunyweza okufuga kwe ku mugga Fulaati.
- 4 Dawudi n'amunyagako amagaali lukumi, n'abeebagala embalaasi kasanvu, n'abatambula n'ebigere obukumi bubiri: Dawudi n'azitema enteega embalaasi zonna ez'amagaali, naye n'aterekako ez'amagaali kikumi.
- 5 Awo Abasuuli ab'e Ddamasiko bwe bajja okudduukirira Kadalezeri kabaka w'e Zoba, Dawudi n'atta ku Basuuli abasajja obukumi bubiri mu enkumi bbiri.
- 6 Awo Dawudi n'ateeka (ebigo) mu Busuuli obw'e Ddamasiko; Abasuuli ne bafuuka baddu ba Dawudi ne baleetanga ebirabo. Mukama n'awanga Dawudi okuwangula buli gye yagendanga.
- 7 Dawudi n'anyaga engabo eza zaabu ezaali ku baddu ba Kadalezeri n'azitwala e Yerusaalemi.
- 8 Ne mu Tibukasi ne mu Kuni, ebibuga bya Kadalezeri, Dawudi n'aggyamu ebikomo bingi nnyo, Sulemaani bye yakoza ennyanja ey'ekikomo, n'empagi, n'ebintu eby'ebikomo.
- 9 Awo Toowu kabaka w'e Kamasi bwe yawulira nga Dawudi akubye eggye lyonna erya Kadalezeri kabaka w'e Zoba,
- 10 n'atuma Kadolamu mutabani we eri kabaka Dawudi okumulamusa n'okumwebaza kubanga alwanye ne Kadalezeri n'amukuba; kubanga Kadalezeri yalwananga ne Toowu; era n'ebintu ebya zaabu n'effeeza n'ebikomo eby'engeri zonna byali naye.
- 11 Era n'ebyo kabaka Dawudi n'abiwonga eri Mukama, wamu n'effeeza n'ezaabu bye yanyaga mu mawanga gonna; Edomu ne Mowaabu n'abaana ba Amoni n'Abafirisuuti ne Amaleki.
- 12 Era nate Abisaayi mutabani wa Zeruyiya n'atta ku Baedomu mu Kiwonvu eky'Omunnyo lukumi mu lunaana.
- 13 N'ateeka ebigo mu Edomu; Abaedomu bonna ne bafuuka baddu ba Dawudi. Mukama n'awa Dawudi okuwangula buli gye yagendanga yonna.
- 14 Dawudi n'afuga Isiraeri yenna; n'atuukiriza emisango n'eby'ensonga eri abantu be bonna:
- 15 Yowaabu mutabani wa Zeruyiya ye yali omukulu w'eggye; ne Yekosafaati mutabani wa Akirudi Ye yali omujjukiza.
- 16 Ne Zadoki mutabani wa Akitubu ne Abimereki mutabani wa Abiyasaali be baali bakabona; ne Savusa ye yali omuwandiisi;

17 ne Benaya mutabani wa Yekoyaada ye yali omukulu w'Abakeresi n'Abaperesi; ne batabani ba Dawudi be baali abakulu okwetooloola kabaka.

Essuula 19

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Nakasi kabaka w'abaana ba Amoni n'afa, mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 2 Dawudi n'ayogera nti Naalaga eby'ekisa Kanuni mutabani wa Nakasi, kubanga kitaawe yandaga eby'ekisa. Awo Dawudi n'atuma ababaka okumukubagiza olwa kitaawe: Abaddu ba Dawudi ne bajja mu nsi y'abaana ba Amoni eri Kanuni, okumukubagiza.
- 3 Naye abakungu b'abaana ba Amoni ne bagamba Kanuni nti Olowooza nga Dawudi assaamu ekitiibwa kitaawo, n'okutuma n'akutumira abakubagiza? abaddu be tebazze okunoonya n'okumenya n'okuketta ensi?
- 4 Awo Kanuni n'addirira abaddu ba Dawudi n'abamwa, n'asalira ebyambalo byabwe wakati, okukoma ku matako gaabwe, n'abasindika.
- 5 Awo abamu ne bagenda ne babuulira Dawudi bye babakoze abasajja. N'atuma okubasisinkana; kubanga abasajja nga bakwatiddwa nnyo ensonyi. Kabaka n'ayogera nti Mubeere e Yeriko okutuusa ebirevu byammwe lwe birikula, mulyoke mukomewo.
- 6 Awo abaana ba Amoni bwe baalaba nga bamutamye Dawudi, Kanuni n'abaana ba Amoni ne baweereza talanta eza ffeeza lukumi okugulirira amagaali n'abeebagala embalaasi mu Mesopotamiya ne mu Alamumaaka, ne mu Zoba.
- 7 Awo ne bagulirira amagaali obukumi busatu mu enkumi bbiri ne kabaka w'e Maaka n'abantu be; ne bajja ne basiisira okwolekera Medeba. Abaana ba Amoni ne bakuaana okuva mu bibuga byabwe ne bajja okulwana.
- 8 Awo Dawudi bwe yakiwulira n'agaba Yowaabu n'eggye lyonna ery'abasajja ab'amaanyi.
- 9 Awo abaana ba Amoni ne batabaala, ne basimbira ennyiriri awali wankaaki w'ekibuga ne bakabaka abaali bazze baali bokka ku ttale:
- 10 Awo Yowaabu bwe yalaba ng'olutalo balusimbye mu maaso ge n'ennyuma we, n'alonda ku basajja bonna aba Isiraeri abalonde, n'abasimba ennyiriri okulwana n'Abasuuli.
- 11 N'abantu abalala bonna n'abateresa mu mukono gwa Abisaayi muganda we, ne basimba ennyiriri okulwana n'abaana ba Amoni.
- 12 N'ayogera nti Abasuuli bwe banannyinga amaanyi, kale ggwe ononnyamba: naye abaana ba Amooni bwe banaakuyinga amaanyi, kale nze naakuyamba.
- 13 Guma omwoyo, twerage obusajja olw'abantu baffe, n'olw'ebibuga bya Katonda waffe: era Mukama akole ekyo ky'anaasiima.
- 14 Awo Yowaabu n'abantu abali naye ne basembera mu maaso g'Abasuuli okulwana; ne badduka mu maaso ge.
- 15 Awo abaana ba Amoni bwe baalaba Abasuuli nga badduse, era nabo bwe batyo ne badduka mu maaso ga Abisaayi muganda we, ne bayingira mu kibuga. Awo Yowaabu n'ajja e Yerusalemi.
- 16 Awo Abasuuli bwe baalaba nga bagobeddwa mu maaso ga Isiraeri, ne batuma ababaka, ne baggyayo Abasuuli abaali emitala w'Omugga, ne Sofaki omukulu w'eggwe lya Kadalezeri nga ye mugabe.
- 17 Ne babuulira Dawudi; n'akuaanya Isiraeri yenna n'asomoka Yoludaani, n'abatuukako n'asimba ennyiriri okulwana nabo. Awo Dawudi bwe yamala okusimba ennyiriri okulwana n'Abasuuli, ne balwana naye.
- 18 Abasuuli ne badduka mu maaso ga Isiraeri; Dawudi n'atta ku Basuuli abasajja ab'omu

magaali kasanvu, n'abatambula n'ebigere obukumi buna, n'atta Sofaki omukulu w'eggye.

- 19 Awo abaddu ba Kadalezeri bwe baalaba nga bagobeddwa mu maaso ga Isiraeri, ne batabagana ne Dawudi, ne bamuweereza; so n'Abasuuli ne batakkiriza kuyamba abaana ba Amoni nate olw'okubiri.

Essuula 20

- 1 Awo olwatuuka omwaka bwe gwatuukirira mu kiseera bakabaka mwe batabaalira, Yowaabu n'atabaaza amaanyi ag'eggye, n'azisa ensi y'abaana ba Amoni, n'ajja n'azingiza Labba. Naye Dawudi n'asigala e Yerusaalemi. Yowaabu n'amenya Labba, n'akisuula.
- 2 Awo Dawudi n'aggya engule ya kabaka waabwe ku mutwe gwe, n'alaba obuzito bwayo talanta ya zaabu, era nga mulimu amayinja ag'omuwendo omungi; ne bagiteeka ku mutwe gwa Dawudi: n'aggyamu omunyago ogw'omu kibuga mungi nnyo.
- 3 N'aggyamu abantu abaali omwo; n'abasala n'emisumeeno n'amannyo ag'ebyuma n'embazzi. Era bw'atyo Dawudi bwe yakola ebibuga byonna eby'abaana ba Amoni. Dawudi n'abantu bonna ne baddayo e Yerusaalemi.
- 4 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo ne waba entalo e Gezeri n'Abafirisuuti: awo Sibbekayi Omukusasi n'atta Sippayi ow'oku baana b'erintu: ne bawangulwa.
- 5 Ne waba nate entalo n'Abafirisuuti; Erukanani mutabani wa Yayiri n'atta Lakami muganda wa Goliyaasi Omugitti, olunyago lw'effumu lye lwali ng'omuti ogulukirwako engoye.
- 6 Ne waba nate entalo e Gaasi, eyali omusajja omuwanvu ennyo, engalo ze n'obugere bwe amakumi abiri mu buna, buli mukono mukaaga, na buli kigere mukaaga; era naye yazaalirwa erintu eryo.
- 7 Awo bwe yasoomoza Isiraeri, Yonasaani mutabani wa Simeeya muganda wa Dawudi n'amutta.
- 8 Abo baazaalirwa erintu eryo e Gaasi; ne bagwa n'omukono gwa Dawudi, n'omukono gw'abaddu be.

Essuula 21

- 1 Awo Setaani n'ayimirira okulwana ne Isiraeri, n'asendasenda Dawudi okubala Isiraeri.
- 2 Dawudi n'agamba Yowaabu n'abakulu b'abantu nti Mugende mubale Isiraeri okuva e Beeruseba okutuusa e Ddaani; munzirize ebighambo ntegeere omuwendo gwabwe.
- 3 Yowaabu n'ayogera nti Mukama ayongere abantu be okusinga omuwendo gwabwe oguliwo kaakano emirundi kikumi: naye, mukama wange kabaka, bonna si baddu ba mukama wange? mukama wange kiki ekimulagizza ekigambo kino? kiki ekimwagaza okuba ensonga y'omusango eri Isiraeri?
- 4 Era naye ekigambo kya kabaka ne kisinga Yowaabu: Yowaabu kyeyava agenda n'abuna Isiraeri yonna, n'ajja e Yerusaalemi.
- 5 Yowaabu n'aleetera Dawudi omuwendo ogw'abantu gwe baabalibwa. Abantu bonna aba Isiraeri baali kakadde mu kasiriivu abasajja abasowolanga ebitala: ne Yuda baali abasajja obusiriivu buna mu obukumi musanvu abasowolanga ebitala.
- 6 Naye teyassaako Leevi ne Benyamini: kubanga ekigambo kya kabaka kyamutama Yowaabu.
- 7 Katonda n'anyiigira ekigambo ekyo; kyeyava abonyaabonya Isiraeri.
- 8 Dawudi n'agamba Katonda nti Nnyonoonye nnyo, kubanga nakola ekigambo ekyo:

naye kaakano, nkwegayiridde, ggyawo obutali butuukirivu bwa muddu wo; kubanga nakola eky'obusirusiru bungu.

- 9 Mukama n'agamba Gaadi nabbi wa Dawudi nti
- 10 Genda ogambe Dawudi nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti nkuteekeddewo ebigambo bisatu: weerobozeeko ekimu, nkukikole.
- 11 Awo Gaadi n'ajja eri Dawudi, n'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Weerobozeeko ky'onooyagala;
- 12 oba emyaka esatu egy'enjala; oba emyezi esatu okumalirwawo mu maaso g'abalabe bo, ekitala ky'abalabe bo nga kikutuukako; oba ekitala kya Mukama ennaku ssatu, kawumpuli ng'ali mu nsi; ne malayika wa Mukama ng'azikiriza mu nsalo zonna eza Isiraeri. Kale nno, lowooza bwe mba mmuddamu oyo antumye.
- 13 Dawudi n'agamba Gaadi nti Nsobeddwa nnyo: ngwe nno mu mukono gwa Mukama; kubanga okusaasira kwe kungi nnyo: nneme okugwa mu mukono gw'abantu.
- 14 Awo Mukama n'aleeta kawumpuli ku Isiraeri: awo ku Isiraeri ne kufa abasajja obukumi musanvu.
- 15 Katonda n'atuma malayika e Yerusaalemi okukizikiriza: awo ng'anaatera okuzikiriza, Mukama n'atunula, ne yejjusa akabi, n'agamba malayika azikiriza nti Kinaamala; zzaayo kaakano omukono gwo. Malayika wa Mukama n'ayimirira awali egguuliro lya Olunaani Omuyebusi.
- 16 Dawudi n'ayimusa amaaso ge n'alaba malayika wa Mukama ng'ayimiridde wakati w'ensi n'eggulu, ng'akutte ekitala ekisowoddwa mu ngalo ze, ekigoloddwa ku Yerusaalemi. Awo Dawudi n'abakadde, nga bambadde ebibukutu, ne balyoka bavuu-nama amaaso gaabwe.
- 17 Dawudi n'agamba Katonda nti Si nze nalagira okubala abantu? Nze nnyonoonye ne nkola eby'ekyejo kingi; naye endiga zino bakoze ki bo? nkwegayiridde, ai Mukama Katonda wange, omukono gwo gube ku nze ne ku nnyumba ya kitange; naye guleme okuba ku bantu bo babe ne kawumpuli.
- 18 Awo malayika wa Mukama n'alagira Gaadi okugamba Dawudi, Dawudi ayambuke, azimbire ekyoto eri Mukama mu gguuliro lya Olunaani Omuyebusi.
- 19 Dawudi n'ayambuka olw'ekigambo kya Gaadi, kye yayogera mu linnya lya Mukama.
- 20 Olunaani n'akyuka n'alaba malayika; ne batabani be abana abaali naye ne beekweka. Era Olunaani yali ng'awuula eaano.
- 21 Awo Dawudi bwe yajja eri Olunaani, Olunaani n'atunula n'alaba Dawudi, n'ava mu gguuliro, n'avuunamira Dawudi amaaso ge.
- 22 Awo Dawudi n'agamba Olunaani nti Mpa ekibanja eky'egguuliro lino, nzimbewo ekyoto eri Mukama; onoogulana nange n'ebintu ng'omuwendo gwalyo gwennyini bwe guli obutaseera: kawumpuli aziyizibwe mu bantu.
- 23 Awo Olunaani n'agamba Dawudi nti Lyetwalire, mukama wange kabaka akole ekyo ky'anaasiima: laba, nkuwadde ente okuba ebiweebwayo ebyokebwa n'ebintu ebiwuula okuba enku n'eaano okuba ekiweebwayo eky'obutta; byonna mbiwa buwa.
- 24 Kabaka Dawudi n'agamba Olunaani nti Nedda; naye mazima naaligula n'ebintu obutaseera: kubanga siitoole bibyo okuwa Mukama, so siiweeyo ekiweebwayo ekyokebwa ekitanzitidde byange.
- 25 Awo Dawudi n'awa Olunaani okugula ekibanja sekeri eza zaabu ezipimibwa lukaaga.
- 26 Dawudi n'azimba eyo ekyoto eri Mukama, n'awaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe, n'asaba Mukama; n'amuddamu n'omuliro ng'ayima mu ggulu ku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
- 27 Mukama n'alagira malayika; n'azza ekitala kye mu kiraato kyakyo.
- 28 Mu biro ebyo Dawudi bwe yalaba nga Mukama amuzzeemu mu gguuliro lya Olunaani Omuyebusi, n'aweerayo eyo ssaddaaka.

- 29 Kubanga eweema ya Mukama, Musa gye yakola mu ddungu, n'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa, mu biro ebyo nga biri mu kifo ekigulumivu e Gibyoni.
- 30 Naye Dawudi n'atayinza kujja mu maaso gaayo okubuuza Katonda; kubanga yali atidde ekitala kya malayika wa Mukama.

Essuula 22

- 1 Awo Dawudi n'ayogera nti Eno ye nnyumba ya Mukama Katonda, era kino kye kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa eri Isiraeri.
- 2 Awo Dawudi n'alagira okukuaanya bannaggwanga abaali mu nsi ya Isiraeri; n'assaawo ab'amayinja okutema amayinja amabajje okuzimba ennyumba ya Katonda.
- 3 Dawudi n'ategeka ebyuma bingi olw'enninga n'enzigi ez'emizigo n'olw'ebigatta; n'ebikomo bingi ebitapimika;
- 4 n'emivule egitalika: kubanga Abazidoni n'Abatuulo baaleeta emivule mingi eri Dawudi.
- 5 Dawudi n'ayogera nti Sulemaani mutabani wange akyali mwana muto, n'ennyumba egenda okuzimbirwa Mukama egwana okuba ey'ekitiibwa ekinene ennyo, okwatiikirira n'okutenderezebwa mu nsi zonna: kyendiva ngitegekera. Awo Dawudi n'ategeka bingi nnyo nga tannaba kufa.
- 6 Awo n'ayita Sulemaani mutabatii we n'amukuutira okuzimbira ennyumba Mukama Katonda wa Isiraeri.
- 7 Dawudi n'agamba Sulemaani mutabani we nti Nze, kyali mu mutima gwange okuzimbira erinnya lya Mukama Katonda wange ennyumba.
- 8 Naye ekigambo kya Mukama ne kinjjira nti Wayiwa omusaayi mungi, n'olwana entalo enkulu: tozimbira linnya lyange nnyumba, kubanga wayiwa omusaayi mungi ku nsi mu maaso gange;
- 9 laba, olizaalirwa omwana wa bulenzi, aliba omusajja ow'emirembe; era ndimuwa emirembe eri abalabe be bonna enjuyi zonna: kubanga erinnya lye aliba Sulemaani, era ndiwa emirembe n'okutereera eri Isiraeri ku mirembe gye:
- 10 oyo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba; era anaabanga mwana wange, nange naabanga kitaawe; era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwe ku Isiraeri emirembe gyonna.
- 11 Kale, mwana wange, Mukama abe naawe; olabe omukisa, ozimbe ennyumba ya Mukama Katonda wo, nga bwe yakwogerako.
- 12 Kyokka Mukama akuwe amagezi n'okutegeera, akukuutire ebya Isiraeri; olyoke okwate amateeka ga Mukama Katonda wo.
- 13 Bw'otyo bw'onoolabanga omukisa, bw'oneekuumanga okukola amateeka n'emisango, Mukama bye yakuutira Musa ebya Isiraeri: ba n'amaanyi ogume omwoyo; totya so totekemuka.
- 14 Laba nno, mu kubonyabonyezebwa kwange ntegekede ennyumba ya Mukama talanta eza zaabu kasiriiivu ne talanta eza ffeeza kakadde; n'ebikomo n'ebyuma ebitapimika; kubanga bingi nnyo: era n'emiti n'amayinja ntegeese; oyongereko ggwe.
- 15 Era nate waliwo naawe abakozi b'emirimu bangi nnyo, abatema n'abakola emirimu egy'amayinja n'emiti, n'abantu bonna abalina amagezi ag'omulimu gwonna;
- 16 zaabu ne ffeeza n'ebikomo n'ebyuma tebibalika; golokoka okole, era Mukama abeere naawe.
- 17 Era Dawudi n'alagira n'abakulu bonna aba Isiraeri okuyamba Sulemaani mutabani we, ng'ayogera nti
- 18 Mukama Katonda wammwe tali wamu nammwe? era tabawadde mirembe enjuyi zonna? kubanga agabudde ababeera mu nsi mu mukono gwange; era ensi ewanguddwa

mu maaso ga Mukama, ne mu maaso g'abantu be.

- 19** Kale munyweze omutima gwammwe n'emmeeme yammwe okunoonya Mukama Katonda wammwe; kale mugolokoke muzimbe ekiggwa kya Mukama Katonda, okuleeta essanduuko ey'endagaano ya Mukama, n'ebintu ebitukuvu ebya Katonda okubiyingiza mu nnyumba genda okuzimbirwa erinnya lya Mukama.

Essuula 23

- 1** Awo Dawudi yali ng'akaddiye era ng'awangadde ennaku nnyingi; n'afuula Sulemaani mutabani we kabaka wa Isiraeri.
- 2** N'akuaanya abakulu bonna aba Isiraeri ne bakabona n'Abaleevi.
- 3** Abaleevi ne babalibwa okuva ku myaka amakumi asatu n'okukirawo: n'omuwendo gwabwe ng'emitwe bwe gyali buli muntu kinnoomu gwali obukumi busatu mu kanaana.
- 4** Ku abo obukumi bubiri mu enkumi nnya ba kulabirira mulimu gwa mu nnyumba ya Mukama; n'akakaaga baami n'abaasalanga emisango:
- 5** n'enkumi nnya baggazi; era nate enkumi nnya baatenderezanga Mukama n'ebintu bye nnakola, bwe yayogera Dawudi, okutenderezanga nabyo.
- 6** Dawudi n'abasalamu empalo ng'abaana ba Leevi bwe baali; Gerusoni, Kokasi, ne Merali.
- 7** Ku Bagerusoni; Ladani ne Simeeyi.
- 8** Batabani ba Ladani; Yekyeri omukulu, ne Zesamu, ne Yoweeri, basatu.
- 9** Batabani ba Simeeyi; Seromosi, ne Kaziyeri, ne Kalani, basatu. Abo be baali emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza Ladani.
- 10** Ne batabani ba Simeeyi: Yakasi, Zina, ne Yewusi, ne Beriya. Abo abana baali batabani ba Simeeyi.
- 11** Ne Yakasi ye yali omukulu, ne Ziza ye yali ow'okubiri: naye Yewusi ne Beriya tebaalina baana bangi; kyeabaava babalirwa awamu okuba ennyumba ya bakitaabwe.
- 12** Batabani ba Kokasi; Amulaamu, Izukali, Kebbulooni, ne Wuziyeeri, bana.
- 13** Batabani ba Amulaamu; Alooni ne Musa: Alooni n'ayawulibwa atukuzenga ebintu ebitukuvu ennyo, ye ne batabani be emirembe gyonna, okwoterezanga obubaane mu maaso ga Mukama, okumuweerezanga, n'okusabanga omukisa mu linnya lye emirembe gyonna.
- 14** Naye Musa omusajja wa Katonda; batabani be baayatulwa mu kika kya Leevi.
- 15** Batabani ba Musa; Gerusomu ne Eryeza.
- 16** Batabani ba Gerusomu; Sebweri omukulu.
- 17** Ne batabani ba Eryeza be bano, Lekabiya omukulu. Eryeza n'ataba na baana balala ba bulenzi; naye batabani ba Lekabiya ne baba bangi nnyo.
- 18** Batabani ba Izukali; Seromisi omukulu
- 19** Batabani ba Kebbulooni; Yeriya omukulu, Amaliya ow'okubiri, Yakaziyeri ow'okusatu, ne Yekameyamu ow'okuna.
- 20** Batabani ba Wuziyeeri; Mikka omukulu, ne Issiya ow'okubiri.
- 21** Batabani ba Merali; Makuli ne Musi. Batabani ba Makuli; Eriyazaali ne Kiisi.
- 22** Eriyazaali n'afa, nga talina baana ba bulenzi, wabula ab'obuwala beereere: baganda baabwe batabani ba Kiisi ne babafumbirwa.
- 23** Batabani ba Musi; Makuli ne Ederi, ne Yeremosi, basatu.
- 24** Abo be baali batabani ba Leevi ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, gye mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ez'abo abaabalibwa ku bo mu muwendo gw'amannya ng'emitwe gyabwe bwe gyali, abaakola omulimu ogw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Mukama, abaakamaze emyaka amakumi abiri n'okukirawo.

- 25 Kubanga Dawudi yayogera nti Mukama Katonda wa Isiraeri awadde abantu be emirembe; era abeera mu Yerusalemi emirembe gyonna:
- 26 era Abaleevi tekikyabagwaniranga kusitula eweema n'ebintu byonna ebyako olw'okuweerezanga kwayo.
- 27 Kubanga olw'ebigambo bya Dawudi eby'enkomerero abaana ba Leevi kyebaava babalibwa, abaakamaze emyaka amakumi abiri n'okukirawo.
- 28 Kubanga omulimu gwabwe kuweerezanga batabani ba Alooni olw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Mukama, mu mpya ne mu bisenge, ne mu kutukuzanga ebintu byonna ebitukuvu, gwe mulimu ogw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Katonda;
- 29 era n'olw'emigaati egy'okulaga n'olw'obutta obulungi obw'ekiweebwayo eky'obutta, oba migaati gya mpewere egitazimbulukuswa oba ekyo ekisiikibwa ku kikalango, oba ekyo ekinnyikibwa, n'olw'engeri zonna ekigero bwe kyenkana n'obunene bwe bwenkana;
- 30 n'okuyimiriranga buli nkya okwebazanga n'okutenderezanga Mukama, era bwe batyo akawungeezi;
- 31 n'okuwangayo ebiweebwayo ebyokebwa byonna eri Mukama, ku ssabbiiti, n'emyezi nga kye gijje giboneke, ne ku mbaga ezaateekebwawo, omuwendo gwabyo ng'ekiragi kyabyo bwe kiri, obutayosanga mu maaso ga Mukama:
- 32 era bakuumenga eweema ey'okusisinkanirangamu gye baateresebwa, n'ekifo ekitukuvu kye baateresebwa, n'ebyo batabani ba Alooni baganda baabwe bye baateresebwa, olw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Mukama.

Essuula 24

- 1 N'empalo za batabani ba Alooni zaali zino. Batabani ba Alooni; Nadabu ne Abiku, Eriyazaali ne Isamaali.
- 2 Naye Nadabu ne Abiku ne basooka kitaabwe okufa nga tebalina baana: Eriyazaali ne Isamaali kyebaava bakola omulimu ogw'obwakabona.
- 3 Dawudi wamu ne Zadoki ow'oku batabani ba Eriyazaali ne Akimereki ow'oku batabani ba Isamaali ne babasalamu ng'ebisanja byabwe bwe byali mu kuweereza kwabwe.
- 4 Awo ne walabika abasajja abakulu ku batabani ba Eriyazaali bangi okusinga ab'oku batabani ba Isamaali; era bwe bati bwe baasalibwamu: ku batabani ba Eriyazaali kwaliko kkumi na mukaaga, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe; ne ku batabani ba Isamaali, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, munaana.
- 5 Bwe bati bwe baasalibwamu na bululu, emitindo gyonna wamu; kubanga waaliwo abakulu ab'omu kifo ekitukuvu n'abakulu ba Katonda, ku batabani ba Eriyazaali era ne ku batabani ba Isamaali.
- 6 Awo Semaaya mutabani wa Nesaneri omuwandiisi ow'oku Baleevi, n'abawandiikira mu maaso ga kabaka b'abakulu ne Zadoki kabona ne Akimereki mutabani wa Abiyasaali n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza bakabona n'Abaleevi; ennyumba emu eya bakitaabwe ng'eronderwa Eriyazaali, n'endala ng'eronderwa Isamaali.
- 7 Awo akalulu ak'olubereberye ne kamugwako Yekoyalibu, ak'okubiri Yedaya;
- 8 ak'okusatu Kalimu, ak'okuna Seyolimu;
- 9 ak'okutaano Malukiya; ak'omukaaga Miyamini;
- 10 ak'omusanvu Kakkozi, ak'omunaana Abiya;
- 11 ak'omwenda Yesuwa; ak'ekkumi Sekaniya;
- 12 ak'ekkumi n'akamu Eriyasibu, n'ak'ekkumi n'obubiri Yakimu;
- 13 ak'ekkumi n'obusatu Kuppa, ak'ekkumi n'obuna Yesebeyabu;

- 14 ak'ekkumi n'obutaano Biruga, ak'ekkumi n'omukaaga Immeri;
- 15 ak'ekkumi n'omusanvu Keziri, ak'ekkumi n'omunaana Kapizzezi;
- 16 ak'ekkumi n'omwenda Pesakiya, ak'amakumi abiri Yekezukeri;
- 17 ak'abiri mu kamu Yakini, ak'abiri mu bubiri Gamuli;
- 18 ak'abiri mu busatu Deraya, ak'abiri mu buna Maaziya.
- 19 Bino bye byali ebisanja byabwe mu kuweereza kwabwe, okuyingiranga mu nnyumba ya Mukama ng'ekiragiro bwe kyali kye baaweebwa mu mukono gwa Alooni jjaj-jaabwe, nga Mukama Katonda wa Isiraeri bwe yali amulagidde.
- 20 Ne ku batabani ba Leevi abalala: ku batabani ba Amulaamu Subayeri; ku batabani ba Subayeri, Yedeya.
- 21 Ku Lekabiya: ku batabani ba Lekabiya; Issiya omukulu.
- 22 Ku Bayizukali, Seromosi; ku batabani ba Seromosi, Yakasi.
- 23 Ne batabani ba Kebulooni; Yeriya omukulu, Amaliya ow'okubiri, Yakaziyeri ow'okusatu, Yekameyamu ow'okuna.
- 24 Batabani ba Winziyeeri, Mikka; ku batabani ba Mikka, Samiri.
- 25 Muganda wa Mikka, Issiya: ku batabani ba Issiya, Zekkaliya.
- 26 Batabani ba Merali; Makuli ne Musi: batabani ba Yaaziya; Beno.
- 27 Batabani ba Merali; ku Yaaziya, Beno ne Sokamu, ne Zakkuli, ne Ibuli.
- 28 Ku Makuli; Eriyazaali, ataazaala baana ba bulenzi.
- 29 Ku kiisi; batabani ba Kiisi, Yerameeri.
- 30 Ne batabani ba Musi; Makuli ne Ederi, ne Yerimosi. Abo be baali batabani b'Abaleevi ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali.
- 31 Era ne bano bwe batyo ne bakuba obululu nga baganda baabwe batabani ba Alooni mu maaso ga Dawudi kabaka, ne Zadoki ne Akimereki n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza bakabona n'Abaleevi; (ennyumba) za bakitaabwe ez'omukulu okufaanana eza muganda we omuto.

Essuula 25

- 1 Era nate Dawudi n'abaami b'eggye ne baawulira okuweereza okwo abamu ku batabani ba Asafu n'aba Kemani n'aba Yedusuni, ab'okulagula n'ennanga, n'entongooli, n'ebitaasa: n'omuwendo gwabo abaakola omulimu ng'okuweereza kwabwe bwe kwali gwali bwe guti:
- 2 ku batabani ba Asafu; Zakkuli ne Yusufu ne Nesaniya ne Asalera, batabani ba Asafu; wansi w'omukono gwa Asafu eyalagulanga ng'ekiragiro kya kabaka bwe kyali.
- 3 Ku Yedusuni: batabani ba Yedusuni; Gedaliya ne Zeri ne Yesaya ne Kasabiya ne Mattisiya, mukaaga; wansi w'emikono gya kitaabwe Yedusuni nga balina ennanga, abaalagulanga nga beebaza era nga batendereza Mukama.
- 4 Ku Kemani; batabani ba Kemani; Bukkiya, Mattaniya, Wuziyeeri, Sebuweri, ne Yeri-moosi, Kananiya, Kanani, Eriyaasa, Giddaluti, ne Lomamutyezeri, Yosubekasa, Mal-losi, Kosiri, Makaziyoosi:
- 5 abo bonna baali batabani ba Kemani omulabi wa kabaka mu bigambo bya Katonda, okuyimusanga ejjembe. Katonda n'awa Kemani abaana ab'obulenzi kkumi na bana n'ab'obuwala basatu.
- 6 Abo bonna baabanga wansi w'emikono gya kitaabwe okuyimbiranga mu nnyumba ya Mukama, n'ebitaasa, n'entongooli, n'ennanga, olw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Katonda; Asafu, Yedusuni, ne Kemani nga bali wansi w'ekiragiro kya kabaka.
- 7 N'omuwendo gwabo wamu ne baganda baabwe abaayigirizibwa akuyimbira Mukama, bonna abalina amagezi, gwali ebikumi bibiri mu kinaana mu munaana.

- 8 Ne bakubira ebyo bye baateresebwa obululu bonna okwenkana, abato era n'abakulu, omuyigiriza era n'omuyigirizwa.
- 9 Awo akalulu ak'olubereberye ne kamugwako Yusufu olwa Asafu: ak'okubiri Gedaliya; ye ne baganda be ne batabani be baali kkumi na babiri:
- 10 ak'okusatu Zakkuli, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 11 ak'okuna Izuli, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 12 ak'okutaano Nesaniya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 13 ak'omukaaga Bukkiya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 14 ak'omusanvu Yesalera, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 15 ak'omunaana Yesaya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 16 ak'omwenda Mattaniya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 17 ak'ekkumi Simeeyi, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 18 ak'ekkumi n'akamu Azaleeri, batabani be ne baganda be kkumi na babiri:
- 19 ak'ekkumi n'obubiri Kasabiya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 20 ak'ekkumi n'obusatu, Subayeri, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri :
- 21 ak'ekkumi n'obuna Mattisiya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 22 ak'ekkumi n'obutaano Yeremoosi, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 23 ak'ekkumi n'omukaaga Kananiya, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 24 ak'ekkumi n'omusanvu Yosubekasa, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 25 ak'ekkumi n'omunaana Kanani, batabani be ne baganda be kkumi na babiri:
- 26 ak'ekkumi n'omwenda Mallosi, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 27 ak'amakumi abiri Eriyaasa, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 28 ak'abiri mu kamu Kosiri, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 29 ak'abiri mu bubiri Giddaluti, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 30 ak'abiri mu busatu Makaziyoosi, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri:
- 31 ak'abiri mu buna Lomamutyezeri, batabani be ne baganda be, kkumi na babiri.

Essuula 26

- 1 Olw'empalo z'abaggazi: ku Bakola; Meseremiya mutabani wa Kole, ku batabani ba Asafu.
- 2 Era Meseremiya yalina abaana ab'obulenzi; Zekkaliya omubereberye, Yediyayeri ow'okubiri, Zebadiya ow'okusatu, Yasuniyeri ow'okuna;
- 3 Eramu ow'okutaano, Yekokanani ow'omukaaga, Eriwenayi ow'omusanvu.
- 4 Era Obededomu yalina abaana ab'obulenzi; Semaaya omubereberye, Yekozabadi ow'okubiri, Yowa ow'okusatu, ne Sakali ow'okuna, ne Nesaneeri ow'okutaano;
- 5 Ammiyeri ow'omukaaga, Isakaali ow'omusanvu, Pewulesayi ow'omunaana: kubanga Katonda n'amuwa omukisa.
- 6 Era Semaaya mutabani we n'azaalirwa abaana ab'obulenzi, abaafuga ennyumba ya kitaabwe: kubanga baali basajja ba manyi abazira.
- 7 Batabani ba Semaaya; Osuni, ne Lefayeri, ne Obedi, ne Eruzabadi, baganda baabwe basajja bazira, Eriku, ne Semakiya.
- 8 Abo bonna baali ba ku baana ba Obededomu: bo ne batabani baabwe ne baganda baabwe; abasajja ab'amaanyi abaamala okuweereza okwo; amakumi asatu mu babiri ab'oku Obededomu.
- 9 Era Meseremiya yalina abaana n'ab'oluganda, abasajja abazira, kkumi na munaana.
- 10 Era Kosa ow'oku baana ba Merali yalina abaana; Simuli omukulu, (kubanga kitaawe yamufuula omukulu newakubadde nga si ye mubereberye;)
- 11 Kirukiya ow'okubiri, Tebaliya ow'okusatu, Zekkaliya ow'okuna: batabani ba Kosa bonna ne baganda be baali kkumi na basatu.

- 12 Empalo z'abaggazi zaali z'abo, za basajja bakulu, nga baliko bye bateresebwa nga baganda baabwe, okuweerezanga mu nnyumba ya Mukama.
- 13 Ne bakuba obululu, abato era n'abakulu, ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali olwa buli mulyango.
- 14 Akalulu ak'ebuvanjuba ne kamugwako Seremiya. Awo ne bakubira obululu Zekkaliya mutabani we, omuteesa ow'amagezi; akalulu ke ne kamugwako ku bukiika obwa kkono.
- 15 Obededomu ku bukiika obwa ddyo; ne batabani be (ne baweebwa) eggwanika.
- 16 Suppimu ne Kosa ebugwanjuba, awaali omulyango Salekesi awaali olutindo oluyambuka, abakuumi nga boolekera bakuumi bannaabwe.
- 17 Abaleevi mukaaga baali ku luuyi olw'ebuvanjuba, ku bukiika obwa kkono buli lunaku bana, ku bukiika obwa ddyo buli lunaku bana, n'ab'eggwanika babiri babiri.
- 18 Aba Palubali ku luuyi olw'ebugwanjuba, awaali olutindo bana, ne ku Palubali babiri.
- 19 Ezo ze zaali empalo z'abaggazi; ku batabani b'Abakola ne ku batabani ba Merali.
- 20 Ne ku Baleevi, Akiya ye yali omukulu w'amawanika g'ennyumba ya Katonda, era w'amawanika g'ebintu ebyawongebwa.
- 21 Batabani ba Ladani; batabani b'Abagerusoni aba Ladani, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza Ladani Omugerusoni; Yekyeri.
- 22 Batabani ba Yekyeri; Zesamu, ne Yoweeri muganda we, abakulu b'amawanika g'ennyumba ya Mukama.
- 23 Ku Baamulamu, ku Bayizukali, ku Bakebbulooni, ku Bawuziyeeri:
- 24 ne Sebweri mutabani wa Gerusomu, mutabani wa Musa, ye yali omukulu w'amawanika.
- 25 Ne baganda be; ku Eryeza ne kuva Lekabiya mutabani we, ne Yesaya mutabani we, ne Yolaamu mutabani we, ne Zikuli mutabani we, ne Seromosi mutabani we.
- 26 Seromosi oyo ne baganda be be baali abakulu b'amawanika gonna ag'ebintu ebyawongebwa, Dawudi kabaka n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, abaami b'enkumi n'ebikumi, n'abaami b'eggye, bye baawonga.
- 27 Ku munyago gwe baanyaga mu ntalo kwe baggya okuwonga okuddaabiriza ennyumba ya Mukama.
- 28 Ne byonna Samwiri nabbi ne Sawulo mutabani wa Kiisi ne Abuneeri mutabani wa Neeri ne Yowaabu mutabani wa Zeruyiya bye baawonga; buli muntu yenna eyawonga ekintu kyonna, kyabanga wansi w'omukono gwa Seromosi ne baganda be.
- 29 Ku Bayizukali, Kenaniya ne batabani be baafuganga Isiraeri olw'omulimu ogw'ebweru, okuba abaami n'abalamuzi.
- 30 Ku Bakebbulooni, Kasabiya ne baganda be, abasajja abazira, lukumi mu lusanvu, be baalabiriranga Isiraeri emitala wa Yoludaani ebugwanjuba; olw'omulimu gwonna ogwa Mukama n'olw'okuweereza kabaka.
- 31 Yeriya yali mukulu ku Bakebbulooni, ku Bakebbulooni kwe yali, ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali mu (nnyumba) za bakitaabwe. Mu mwaka ogw'ana Dawudi kasookedde alya obwakabaka ne banoonyezebwa, ne mulabika mu bo abasajja ab'amaanyi abazira e Yazeri eky'e Gireyaadi.
- 32 Ne baganda be abasajja abazira baali enkumi bbiri mu lusanvu, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, kabaka Dawudi be yafuula abalabirizi b'Abalewubeeni n'Abagaadi n'ekitundu ky'ekika eky'Abamanase, olwa buli kigambo kya Katonda, n'olw'ebigambo bya kabaka.

Essuula 27

- 1 Awo abaana ba Isiraeri ng'omuwendo gwabwe bwe gwali, emitwe gy'ennyumba za

bakitaabwe n'abaami b'enkumi n'ab'ebikumi n'abakulu baabwe abaaweerezanga kabaka mu buli kigambo eky'empalo ezaayingiranga ne zifulumanga buli mwezi okumala emyezi gyonna egy'omwaka, aba buli luwalo baali obukumi bubiri mu enkumi nnya.

- 2 Yasobeyamu mutabani wa Zabudyeri ye yali omukulu w'oluwalo olw'olubereberye olw'omu mwezi ogw'olubereberye: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 3 Oyo yali wa ku baana ba Preezi, omukulu w'abaami bonna ab'eggye mu mwezi ogw'olubereberye.
- 4 Ne Dodayi Omwakowa n'oluwalo lwe ye yali omukulu w'oluwalo olw'omwezi ogw'okubiri; ne Mikuloosi omukungu: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 5 Benaya mutabani wa Yekoyaada kabona omukulu ye yali omwami ow'okusatu ow'eggye ow'omu mwezi ogw'okusatu: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 6 Ono ye Benaya oyo eyali omusajja ow'amaanyi ow'oku abo amakumi asatu, era omukulu w'abo amakumi asatu: ne Ammizabaadi mutabani we yali wa ku luwalo lwe.
- 7 Asakeri muganda wa Yowaabu ye yali omwami ow'okuna ow'omu mwezi ogw'okuna, ne Zebadiya mutabani we oluvannyuma lwe: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 8 Samukusi Omuyizula ye yali omwami ow'okutaano ow'omu mwezi ogw'okutaano: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 9 Ira mutabani wa Ikesi Omutekowa ye yali omwami ow'omukaaga ow'omu mwezi ogw'omukaaga: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 10 Kerezi Omuperoni ow'oku baana ba Efulayimu ye yali omwami ow'omusanvu ow'omu mwezi ogw'omusanvu: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 11 Sibbekayi Omukusasi ow'oku Bazera ye yali omwami ow'omunaana ow'omu mwezi ogw'omunaana: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 12 Abiyezeeri Omwanasosi ow'oku Babenyamini ye yali omwami ow'omwenda ow'omu mwezi ogw'omwenda: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 13 Makalayi Omunetofa ow'oku Bazera ye yali omwami ow'ekkumi ow'omu mwezi ogw'ekkumi: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 14 Benaya Omupirasoni ow'oku baana ba Efulayimu ye yali omwami ow'ekkumi n'omu ow'omu mwezi ogw'ekkumi n'ogumu: ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 15 Kerudayi Omunetofa, owa Osunieri, ye yali omwami ow'ekkumi n'ababiri ow'omu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri; ne mu luwalo lwe mwalimu obukumi bubiri mu enkumi nnya.
- 16 Nate abaafuga ebika bya Isiraeri: ku Balewubeeni Eryeza mutabani wa Zikuli afuga: ku Basimyoni Sefatiya mutabani wa Maaka:
- 17 ku Leevi Kasabiya mutabani wa Kemweri: ku Alooni Zadoki:
- 18 ku Yuda Eriku, omu ku baganda ba Dawudi: ku Isakaali Omuli mutabani wa Mikayiri;
- 19 ku Zebbulooni Isumaaya mutabani wa Obadiya: ku Nafutaali Yeremosi mutabani wa Azutiyeeri:
- 20 ku baana ba Efulayimu Koseya mutabani wa Azaziya: ku kitundu ky'ekika kya Manase Yoweeri mutabani wa Pedaya:
- 21 ku kitundu ky'ekika kya Manase mu Gireyaadi Iddo mutabani wa Zekkaliya; ku

Benyamini Yaasiyeri mutabani wa Abuneeri:

- 22 ku Ddaani Azaleeri mutabani wa Yerokamu. Abo be baali abaami b'ebika bya Isiraeri.
- 23 Naye Dawudi n'atabala muwendo gwabo abaakamaze emyaka amakumi abiri n'abatannaba kutuusa egyo, kubanga Mukama yali ayogedde ng'alyongerera Isiraeri ng'emmunyeenye ez'omu ggulu,
- 24 Yowaabu mutabani vva Zeruyiya yatanula okubala, naye n'atamaliriza: obusungu kyebwava bujja ku Isiraeri; so n'omuwendo tegwawandiikibwa mu kitabo eky'eby-omumirembe gya kabaka Dawudi.
- 25 Era Azumaveesi mutabani wa Adyeri yali mukulu wa mawanika ga kabaka: ne Yonasaani mutabani wa Uzziya yali mukulu wa mawanika ag'oku ttale n'ag'omu bibuga n'ag'omu byalo n'agomu bigo:
- 26 ne Ezuli mutabani wa Kerubu ye yali omukulu w'abo abaakola emirimu egy'omu nnimiro olw'okulima ettaka:
- 27 ne Simeeyi Omulaama ye yali omukulu w'ensuku z'emizabbibu: ne Zabudi Omusifumu ye yali omukulu w'ebibala eby'ensuku olw'amasenero ag'omwenge:
- 28 ne Baalukanani Omugedera ye yali omukulu w'emizeyituuni n'emisukomooli egyali mu nsenyi: ne Yowaasi ye yali omukulu w'amawanika g'amafuta:
- 29 ne Situlayi Omusaloni ye yali omukulu w'ebisibo ebyalundibwa mu Saloni: ne Safati mutabani wa Adulayi ye yali omukulu w'ebisibo ebyali mu biwonvu:
- 30 ne Obiri Omuyisimaeri ye yali omukulu w'eamira: ne Yedeya Omumeronoosi ye yali omukulu w'endogoyi:
- 31 ne Yazizi Omukaguli ye yali omukulu w'embuzi. Abo bonna be baali abakulu b'ebintu ebya kabaka Dawudi.
- 32 Ne Yonasaani kitaawe wa Dawudi omuto yali muteesa wa bigambo, omusajja omutegeevu era omuwandiisi: ne Yekyeri mutabani wa Kakumoni yabanga wamu n'abaana ba kabaka:
- 33 ne Akisoferi ye yateesanga ebigambo bya kabaka: Kusaayi Omwaluki ye yali mukwano gwa kabaka:
- 34 Yekoyaada mutabani wa Benaya n'addirira Akisoferi, ne Abiyasaali: ne Yowaabu ye yali omwami w'eggye lya kabaka.

Essuula 28

- 1 Dawudi n'akuaanya abakungu bonna aba Isiraeri, abakungu b'ebika n'abaami b'ebitongole abaaweerezanga kabaka mu mpalo, n'abaami b'enkumi n'abaami b'ebikumi n'abakulu b'ebintu byonna n'obugagga ebya kabaka ne batabani be, wamu n'abaami n'abasajja ab'amaanyi, abasajja bonna ab'amaanyi abazira, e Yersaalemi.
- 2 Awo Dawudi kabaka n'ayimirira ku bigere bye n'ayogera nti Mumpulire, baganda bange era abantu bange: nze kyali mu mutima gwange okuzimbira essanduuko ey'endagaano ya Mukama n'entebe y'ebigere eya Katonda waffe ennyumba ey'okuwummuliramu; era nali ntegese okuzimba.
- 3 Naye Katonda n'aamba nti Tozimbira linnya lyanze nnyumba, kubanga ggwe oli musajja wa ntalo, era wayiwa omusaayi.
- 4 Naye Mukama Katonda wa Isiraeri yannonda ng'anziya mu nnyumba yonna eya kitange okuba kabaka wa Isiraeri emirembe gyonna: kubanga yalonda Yuda okuba omulangira; ne mu nnyumba ya Yuda n'alondamu ennyumba ya kitange; ne mu baana ba kitange n'ansanyukira nze okunfuula kabaka wa Isiraeri yenna:
- 5 ne ku batabani bange bonna (kubanga Mukama ampadde abaana bangi) n'alondamu Sulemaani mutabani wange okutuula ku ntebe ey'obwakabaka bwa Mukama okufuga Isiraeri.

- 6 N'aamba nti Sulemaani mutabani wo ye alizimba ennyumba yange n'empya zange: kubanga namulonda okuba mutabani wange, nange naabanga kitaawe.
- 7 Era naanywezanga obwakabaka bwe emirembe gyonna, bw'anaanyiikiranga okukola ebiragiro byange n'emisango gyange nga leero.
- 8 Kale nno mu maaso ga Isiraeri yenna, ekkuaaniro lya Mukama, ne Katonda waffe ng'awulira, mukwatenga munoonyenga ebiragiro byonna ebya Mukama Katonda wammwe: mulye ensi eno ennungi mugirekere abaana bammwe okubala obusika emirembe gyonna abanaabangawo oluvannyuma lwammwe.
- 9 Naawe, Sulemaani, mutabani wange, tegeera Katonda wa kitaawo, omuweerezenga n'omutima ogutuukiridde n'emmeeme esanyuka: kubanga Mukama akebera emitima gyonna, era ategeera okufumiitiriza kwonna okw'ebirowoozo: bw'onoomunoonyanga, anaalabikanga gy'oli; naye bw'onoomuvangako, anaakugobanga emirembe gyonna.
- 10 Weekuume nno; kubanga Mukama alonze ggwe okuzimba ennyumba ey'ekiggwa: ba n'amaanyi, okikolanga.
- 11 Awo Dawudi n'awa Sulemaani mutabani we ekyokulabirako eky'ekisasi kya yeekaalu n'ennyumba zaako n'amawanika gaako n'enju zaako eza waggulu n'ebisenge byako eby'omunda n'ekifo eky'entebe ey'okusaasira;
- 12 n'ekyokulabirako ekya byonna bye yalina olw'omwoyo, eby'empya ez'ennyumba ya Mukama n'ebisenge byonna ebyetoolodde n'amawanika g'ennyumba ya Katonda n'amawanika g'ebintu ebiwongebwa:
- 13 era eby'empalo za bakabona n'Abaleevi n'ebymulimu gwonna ogw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Mukama, n'ebymulimu byonna ebiweereza mu nnyumba ya Mukama:
- 14 zaabu epimibwa olw'ebintu ebya zaabu, olw'ebintu byonna ebiweereza okuweereza kwonna; ffeeza epimibwa olw'ebintu byonna ebya ffeeza, olw'ebintu byonna ebiweereza okuweereza kwonna:
- 15 era eby'etabaaza eza zaabu ebipimibwa, n'ebymulimu zaakyo, zaabu epimibwa ya buli kikondo era ya etabaaza zaakyo: era ya bikondo ebya ffeeza, ffeeza epimibwa ya buli kikondo era ya ttabaaza zaakyo, ng'okuweereza okwa buli kikondo:
- 16 ne zaabu eyapimibwa ey'emmeeza ez'emigaati egy'okulaga, eya buli mmeeza; ne ffeeza ey'emmeeza ez'effeeza:
- 17 n'ebymulimu okukwasa ennyama n'ebibya n'ebikompe bya zaabu ennungi: era ya bbakuli za zaabu, zaabu eyapimibwa eya buli bbakuli: era ya bbakuli eza ffeeza, ffeeza eyapimibwa eya buli bbakuli:
- 18 era ey'ekyoto eky'obubaane, zaabu ennongoofu eyapimibwa; era zaabu ya kyakulabirako eky'eggaali, be bakerubi abayanjala ebiwawaatiro byabwe ne babikka ku ssanduuko ey'endagaano ya Mukama.
- 19 Ebyo byonna, bwe yayogera Dawudi, nabitegeezebwa mu biwandiike ebiva eri omukono gwa Mukama, gye mirimu gyonna egy'omutindo guno.
- 20 Dawudi n'agamba Sulemaani mutabani we nti Ba n'amaanyi ogume omwoyo, okikolanga: totyanga so totekemukanga: kubanga Mukama Katonda, Katonda wange, ali naawe: taakwabilirenga so taakulekenga okutuusa omulimu gwonna ogw'okuweereza okw'omu nnyumba ya Mukama lwe gulituukirira.
- 21 Era, laba, waliwo empalo za bakabona n'Abaleevi olw'okuweereza kwonna okw'omu nnyumba ya Katonda: era waliba naawe mu mulimu ogw'engeri zonna buli musajja ayagala ku bubwe alina amagezi ag'okuweereza kwonna: era n'abaami n'abantu bonna banaagondereranga ddala okulagira kwo.

Essuula 29

- 1 Dawudi kabaka n'agamba ekibiina kyonna nti Sulemaani mutabani wange Katonda gw'alonze yekka akyali mwana muto, n'omulimu munene: kubanga eriyumba si lya bantu naye lya Mukama Katonda.
- 2 Nze nno ntegekedde ennyumba ya Katonda wange n'amaanyi gange gona zaabu (ey'ebintu) ebya zaabu, ne ffeeza ey'ebintu ebya ffeeza, n'ebikomo eby'ebintu eby'ebikomo, ebyuma eby'ebintu eby'ebiyuma, n'emitu egy'ebintu eby'emitu; amayinja aga onuku n'amayinja ag'okutona, amayinja ag'omulimu ogw'enjola n'ag'amabala mangi, n'amayinja ag'omuwendo omungi ag'engeri zonna, n'amayinja amanyirivu mangi nnyo.
- 3 Era nate kubanga ntadde okwagala kwange ku nnyumba ya Katonda wange, kubanga nnina obugagga bwange ku bwange obwa zaabu ne ffeeza, mbuwa ennyumba ya Katonda wange, okusukkiriza byonna bye ntegekedde ennyumba entukuvu;
- 4 talanta eza zaabu enkumi ssatu, zaabu ya Ofiri, ne talanta eza ffeeza eyalongoosebwa kasanvu, okugibissa ku bisenge by'ennyumba nayo:
- 5 zaabu ya bintu ebya zaabu, ne ffeeza ya bintu ebya ffeeza, n'olw'emirimu egy'engeri zonna egirikolebwa n'emikono gy'abafundi. Kale ani awaayo ku bubwe okwewonga leero eri Mukama?
- 6 Awo abakulu b'ennyumba za bakitaabwe n'abakulu b'ebika bya Isiraeri n'abaami b'enkumi n'ab'ebikumi wamu n'abalabirizi b'emirimu gya kabaka, ne bawaayo ku bwabwe;
- 7 ne bawa olw'okuweereza okw'omu nnyumba ya Katonda, zaabu talanta enkumi ttaano ne daliki kakumi, ne ffeeza talanta kakumi, n'ebikomo talanta kakumi mu kanaana, n'ebiyuma talanta kasiriivu.
- 8 N'abo abaalabika nga balina amayinja ag'omuwendo omungi ne bagawa eri obugagga obw'omu nnyumba ya Mukama wansi w'omukono gwa Yekyeri Omugerusoni.
- 9 Awo abantu ne basanyuka kubanga baawaayo ku bwabwe, kubanga baawaayo ku bwabwe eri Mukama n'omutima ogutuukiridde: era ne Dawudi kabaka n'asanyuka essanyu ddene.
- 10 Dawudi kyeyava yeebaliza Mukama mu maaso g'ekibiina kyonna: Dawudi n'ayogera nti Weebazibwe, ai Mukama, Katonda wa Isiraeri jjajjaffe, emirembe n'emirembe.
- 11 Obukulu bubwo n'amaanyi n'ekitiibwa n'okuwangula n'okugulumizibwa: kubanga byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi (bibyo); obwakabaka bubwo, ai Mukama, era ogulumizibwa okuba omutwe gwa byonna.
- 12 Obugagga era n'ekitiibwa biva gyoli, era ggwe ofuga bonna; era mu mukono gwo mwe muli obuyinza n'amaanyi; era mu mukono gwo mwe muli okukuza n'okuwa bonna amaanyi.
- 13 Kale nno, Katonda waffe, tukwebaza ne tutendereza erinnya lyo ery'ekitiibwa.
- 14 Naye nze ani n'abantu bange kye ki, ffe okuyinza okuwaayo bwe tutyo ku bwaffe ddala? kubanga byonna biva gyoli, era tukuwadde ku bibyo.
- 15 Kubanga ffe tuli bagenyi mu maaso go era batambuze nga bajjajjaffe bonna bwe baali: ennaku zaffe ez'oku nsi ziri ng'ekisiikirize, so tewali kubeerera.
- 16 Ai Mukama Katonda waffe, ebintu bino byonna bye tutegeese okukuzimbira ennyumba olw'erinnya lyo ettukuvu biva mu mukono gwo, era byonna bibyo.
- 17 Era mmanyi, Katonda wange, nga ggwe okema omutima era osanyukira amazima. Nze, nga nnina omutima ogw'amazima, mpaddeyo ku bwange bino byonna: era kaakano ndabye abantu bo abali wano nga bawaayo ku bwabwe gyoli ne nsanyuka.
- 18 Ai Mukama, Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka, era owa Isiraeri, bajjajjaffe, onyweze kino mu kufumiitiriza kw'ebirowoozo eby'omu mutima gw'abantu bo, oteeketeke

omutima gwabwe gyoli:

- 19 era owe Sulemaani mutabani wange omutima ogutuukiridde okukwata ebiragiro byo, n'ebyo bye wategeeza, n'amateeka go, n'okukola ebyo byonna, n'okuzimba ennyumba gye ntegekede ebintu.
- 20 Dawudi n'agamba ekibiina kyonna nti Kaakano mwebaze Mukama Katonda wammwe. Ekibiina kyonna ne beebaza Mukama Katonda wa bajajjaabwe, ne baku-tama emitwe gyabwe ne basinza Mukama ne kabaka.
- 21 Ne bawaayo ssaddaaka eri Mukama, ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama ku lw'okubiri olunaku olwo nga luwedde, ente lukumi n'endiga ennume lukumi, n'abaana b'endiga lukumi n'ebiweebwayo byako ebyokunywa, ne ssaddaaka nnyingi nnyo olwa Isiraeri yenna;
- 22 ne baliira ne banywera mu maaso ga Mukama ku lunaku olwo ne basanyuka nnyo. Ne bafuula Sulemaani mutabani wa Dawudi kabaka omulundi ogw'okubiri, ne bamu-fukako amafuta eri Mukama okuba omulangira ne Zadoki okuba kabona.
- 23 Awo Sulemaani n'atuula ku ntebe ya Mukama nga ye kabaka mu kifo kya Dawudi kitaawe, n'alaba omukisa; Isiraeri yenna ne bamugondera.
- 24 Abakulu bonna n'abasajja ab'amaanyi era ne batabani ba Dawudi kabaka bonna ne bagondera Sulemaani kabaka.
- 25 Mukama n'agulumiza nnyo Sulemaani mu maaso ga Isiraeri yenna n'amuwa ekitiibwa eky'obwakabaka ekitalabwanga ku kabaka yenna eyamusooka mu Isiraeri.
- 26 Era Dawudi mutabani wa Yese yafuga Isiraeri yenna.
- 27 N'ebiro bye yafugira Isiraeri byali emyaka amakumi ana; yafugira emyaka musanvu e Kebbulooni, era yafugira emyaka asatu mu esatu mu Yerusaalemi.
- 28 N'afa ng'akaddiye bulungi, ng'ajjudde ennaku n'obugagga n'ekitiibwa. Sulemaani mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 29 Era ebikolwa bya Dawudi kabaka, ebyasooka n'ebyamalirwako, laba, byawandiikibwa mu bigambo bya Samwiri omulabi ne mu bigambo bya Nasani nabbi ne mu bigambo bya Gaadi omulabi;
- 30 era n'okufuga kwe kwonna n'amaanyi ge n'ebiro ebyamuyitako ye ne Isiraeri n'amat-wale gonna ag'ensi ezo.

2 Ebyomumirembe

Essuula 1

- 1 Awo Sulemaani mutabani wa Dawudi n'anywezebwa mu bwakabaka bwe, Mukama Katonda we n'aba naye, n'amugulumiza nnyo.
- 2 Sulemaani n'ayogera ne Isiraeri yenna, abaami b'enkumi n'ab'ebikumi n'abalamuzi na buli mukulu mu Isiraeri yenna, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe.
- 3 Awo Sulemaani n'ekibiina kyonna wamu naye ne bagenda mu kifo ekigulumivu ekyali e Gibyoni; kubanga eyo ye yali eweema ya Katonda ey'okusisinkanirangamu, Musa omuddu wa Mukama gye yakola mu ddungu.
- 4 Naye essanduuko ya Katonda Dawudi yali agirinnyisizza n'agiggya e Kiriyasuyalimu n'agireeta mu kifo Dawudi kye yagitegekera: kubanga yali agikubidde eweema e Yersaalemi.
- 5 Era nate ekyoto eky'ekikomo Bezaaleri mutabani wa Uli mutabani wa Kuuli kye yakola kyali eyo mu maaso g'eweema ya Mukama: Sulemaani n'ekibiina ne bagen-danga gye kiri.
- 6 Sulemaani n'ayambukayo eri ekyoto eky'ekikomo mu maaso ga Mukama ekyali ku weema ey'okusisinkanirangamu, n'aweerayo okwo ebiweebwayo ebyokebwa lukumi.
- 7 Mu kiro ekyo Katonda n'alabikira Sulemaani, n'amugamba nti Saba kye mba nkuwa.
- 8 Sulemaani n'agamba Katonda nti Walaga Dawudi kitange ekisa kingi, n'onfuula kabaka mu kifo kye.
- 9 Kale, ai Mukama Katonda, ekigambo kye wasuubiza Dawudi kitange kinywezebwe: kubanga onfudde kabaka w'abantu abafaanana enfuufu ey'oku nsi obungi.
- 10 Mpa nno amagezi n'okumanya, nfulumenga nnyingirenga mu maaso g'abantu bano: kubanga ani ayinza okusalira emisango abantu bo bano abenkanidde awo obukulu?
- 11 Katonda n'agamba Sulemaani nti Kubanga ekyo kbadde mu mutima gwo, so tosabye bugagga, ebintu, newakubadde ekitiibwa, newakubadde obulamu bw'abo abakukyawa, so tosabye kuwangaala; naye weesabidde amagezi n'okumanya, osalirenga emisango abantu bange, be nkufuulidde kabaka:
- 12 amagezi n'okumanya oweereddwa; era ndikuwa n'obugagga n'ebintu n'ekitiibwa by'atabanga nabyo n'omu ku bassekabaka abaakusooka, so tewaliba oluvannyuma lwo aliba nabyo.
- 13 Awo Sulemaani n'ava ku lugendo lwe n'ajja eri ekifo ekigulumivu ekyali e Gibyoni, ng'ava mu maaso g'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ajja e Yersaalemi; n'afuga Isiraeri.
- 14 Sulemaani n'akuaanya amagaali n'abeebagala embalaasi: era yalina amagaali lukumi mu bina n'abeebagala embalaasi kakumi mu enkumi bbiri, be yateeka mu bibuga eby'amagaali n'awali kabaka e Yersaalemi.
- 15 Kabaka n'afuula ffeeza ne zaabu mu Yersaalemi okuba ng'amayinja obungi, okuba ng'amayinja, n'emivule yagifuula okuba ng'emisukomooli egiri mu nsenyi obungi.
- 16 Era embalaasi Sulemaani ze yalina baaziggyanga mu Misiri; abasuubuzi ba kabaka ne baziweebwanga bisibo, buli kisibo n'omuwendo gwakyo.
- 17 Era eggaali baalikimanga nga baliggya mu Misiri nga lijirira (sekeri) lukaaga eza ffeeza, n'embalaasi ng'ejjirira kikumi mu ataano; era bassekabaka bonna ab'Abakiiti bwe batyo ne bassekabaka ab'e Busuuli, baaziggyangamu mu mukono gwabwe.

Essuula 2

- 1 Awo Sulemaani n'ayagala okuzimbira erinnya lya Mukama ennyumba, n'ennyumba

y'obwakabaka bwe.

- 2 Sulemaani n'ayawula abasajja obukumi musanvu, okwetikkanga emigugu, n'abasajja obukumi munaana abaatemanga ku nsozi, n'enkumi ssatu mu lukaaga okubalabiriranga.
- 3 Sulemaani n'atuma eri Kulamu kabaka w'e Ttuulo ng'ayogera nti Nga bwe wakolanga Dawudi kitange n'omuweereza emivule okuzimba ennyumba okubeera omwo, bw'otyoba bw'oba okola nange.
- 4 Laba, nzimbira erinnya lya Mukama Katonda wange ennyumba okugiwonga eri ye, n'okwotereza mu maaso ge obubaane obw'ebw'akaloosa ebiwoomerevu, n'olw'emigaati egitaggwaawo, n'olw'ebiwewayo ebyokebwa enkya n'akawungeezi, ku ssabiiti n'emyezi nga kye gije giboneke ne ku mbaga ezaatekebawo eza Mukama Katonda waffe. Kino kye kiragiwo eky'emirembe gyonna eri Isiraeri.
- 5 N'ennyumba gye nzimba nnene: kubanga Katonda waffe mukulu okusinga bakatonda bonna.
- 6 Naye ani ayinza okumuzimbira ennyumba, kubanga eggulu n'eggulu erya waggulu taligyamu? nze nno nze ani mmuzimbire ennyumba, wabula okwoterezanga obubaane mu maaso ge?
- 7 Kale nno, mpeereza omusajja alina amagezi okukola omulimu ogwa zaabu, ne ffeeza n'ebikomo n'ebiyuma, n'olugoye olw'effulungu n'olutwakaavu ne kaniki, era omutegeevu okukola enjola ez'engeri zonna, okuba awamu n'abasajja ab'amagezi abali nange mu Yuda ne mu Yerusalemi, Dawudi kitange be yateekateeka.
- 8 Era mpeereza n'emivule n'emiberosi n'emitoogo ng'ogiggya ku Lebanoni: kubanga manyi ng'abaddu bo bategeevu okutema emiti ku Lebanoni; era, laba, abaddu bange banaabanga wamu n'abaddu bo,
- 9 okunteekerateekera emiti mingi: kubanga ennyumba gy'eenda okuzimba eriba nnene kitalo.
- 10 Era, laba, ndiwa abaddu bo, ababazzi abatema emiti, ebigerero eby'eaano empuule obukumi bubiri, n'ebigerero ebya sayiri obukumi bubiri, n'ebita eby'omwenge obukumi bubiri, n'ebita eby'amafuta obukumi bubiri.
- 11 Awo Kulamu kabaka w'e Ttuulo n'addamu ng'awandiika ebbaluwa n'agiweereza Sulemaani, nti Kubanga Mukama ayagala abantu be, kyeyava akufuula kabaka waabwe.
- 12 Era Kulamu n'ayogera nti Mukama Katonda wa Isiraeri yeebazibwe eyatonda eggulu n'ensi, awadde Dawudi kabaka omwana omutegeevu, eyaweebwa amagezi n'okumanya, agenda okuzimbira Mukama ennyumba n'okuzimbira obwakabaka bwe ennyumba.
- 13 Kaakano nno mpeereza omusajja ow'amagezi eyaweebwa okutegeera, owa Kulamu kitange,
- 14 Omwana w'omukazi ow'oku bawala ba Ddaani, ne kitaawe yali musajja wa Ttuulo, ow'amagezi okukola omulimu ogwa zaabu n'ogwa ffeeza n'ogw'ebikomo n'ogw'ebiyuma n'ogw'amayinja n'ogw'emiti n'ogw'engoye ez'effulungu ne kaniki ne bafuta ennungi n'engoye entwakaavu; era n'okwola enjola ez'engeri zonna, n'okugunja engeri yonna egunjibwa: alagirwe ekifo wamu n'abasajja bo ab'amagezi n'abasajja ab'amagezi aba mukama wange Dawudi kitaawo.
- 15 Kale nno, eaano ne sayiri, amafuta n'omwenge, mukama wange bye yayogerako; atume eri abaddu be:
- 16 naffe tulitema emiti ku Lebanoni, nga bw'olyagala obungi: era tuligireeti gy'oli nga tugikulula ku nnyanja ne tugituusa e Yopa; naawe oligirinnyisa e Yerusalemi.
- 17 Awo Sulemaani n'abala bannaggwanga bonna abali mu nsi ya Isiraeri ng'okubala bwe kwali Dawudi kitaawe kwe yababala: ne walabika kasiriivu mu obukumi butaano mu

enkumi ssatu mu lukaaga.

- 18** N'assaawo obukumi musanvu ku bo okwetikkanga emigugu, n'obukumi munaana abaatemanga ku nsozi n'abalabirizi enkumi ssatu mu lukaaga okukozanga abantu.

Essuula 3

- 1** Awo Sulemaani n'atanula okuzimba ennyumba ya Mukama Yerusalemi ku lusozi Moliya, Mukama kwe yalabikirira Dawudi kitaawe, gye yateekateeka mu kifo Dawudi kye yalagira, mu gguuliro lya Olunaani Omuyebusi.
- 2** Awo n'atanula okuzimba ku lunaku olw'okubiri olw'omwezi ogw'okubiri mu mwaka ogw'okuna kasookedde alya obwakabaka.
- 3** Era gino gye misingi Sulemaani gye yakuba okizimba ennyumba ya Katonda Obuwanvu bwayo mu mikono ng'ekigero eky'olubereberye bwe kyali bwali emikono nkaaga, n'obugazi emikono amakumi abiri.
- 4** N'ekisasi ekyali mu maaso g'ennyumba, obuwanvu bwakyo ng'obugazi bw'ennyumba bwe bwali bwali emikono amakumi abiri, n'obugulumivu kikumi mu abiri: n'akibikkako munda zaabu ennongoofu.
- 5** N'ennyumba ennene n'agibikkako embaawo ez'emiberosi gye yabikkako zaabu ennongoofu, n'akolako enkindu n'emikuufu.
- 6** N'ayonja ennyumba n'amayinja ag'omuwendo omungi olw'obulungi: ne zaabu yali zaabu Eyepaluvayimu.
- 7** Era n'ennyumba n'agibikkako zaabu, emiti n'emiryango n'ebisenge byayo n'enzigi zaayo; ne bakerubi ababajje ku bisenge.
- 8** N'akola ennyumba entukuvu ennyo; obuwanvu bwayo ng'obugazi bw'ennyumba bwe bwali bwali emikono amakumi abiri, n'obugazi bwayo emikono amakumi abiri: n'agibikkako zaabu ennongoofu, eweza talanta lukaaga.
- 9** N'obuzito bw'emisumaali bwali sekeri eza zaabu amakumi ataano. N'abikkako zaabu enju eza waggulu. N'azibikkako zaabu.
- 10** Ne mu nnyumba entukuvu ennyo n'akolamu bakerubi babiri ab'omulimu ogw'ebifaananyi; ne bababikkako zaabu.
- 11** N'ebiwawaatiro bya bakerubi obuwanvu bwabyo emikono amakumi abiri: n'ekiwawaatiro kya kerubi omu kyali kya mikono etaano, nga kituuka ku kisenge ky'ennyumba; n'ekiwawaatiro eky'okubiri nakyo bwe kityo kya mikono etaano, nga kituuka ku kiwawaatiro kya kerubi munne.
- 12** N'ekiwawaatiro kya kerubi munne kyali kya mikono etaano, nga kituuka ku kisenge ky'ennyumba: n'ekiwawaatiro ekirala nakyo kya mikono etaano, nga kyegatta n'ekiwawaatiro kya kerubi munne.
- 13** Ebiwawaatiro bya bakerubi abo byebamba emikono amakumi abiri: era baayimirira ku bigere byabwe, n'amaaso gaabwe nga gatunuulira ennyumba.
- 14** N'akola eggigi lya kaniki n'olugoye olw'effulungu n'olutwakaavu ne bafuta ennungi, n'alikolako bakerubi.
- 15** Era n'akola mu maaso g'ennyumba empagi bbiri, obugulumivu bwazo emikono amakumi asatu mu etaano, n'omutwe ogwali ku zo kinneemu gwali emikono etaano.
- 16** N'akola emikuufu awayimibwa okwogera, n'agiteeka ku ntikko z'empagi; n'akola amakomamawanga kikumi n'agateeka ku mikuufu.
- 17** N'asimba empagi mu maaso ga yeekaalu, emu ku mukono ogwa ddyo n'ey'okubiri ku gwa kkono; n'atuuma ey'oku mukono ogwa ddyo erinnya lyayo Yakini, n'erinnya ly'ey'oku gwa kkono Bowaazi.

Essuula 4

- 1 Era yakola n'ekyoto eky'ekikomo, obuwanvu bwakyo emikono amakumi abiri, n'obugazi bwakyo emikono amakumi abiri, n'obugulumivu bwakyo emikono kkumi.
- 2 Era n'akola n'ennyanja ensaanuuse ey'emikono kkumi okuva ku mugo okutuuka ku mugo, nneekulungirivu n'obugulumivu bwali emikono etaano; n'omugwa ogw'emikono amakumi asatu ne gugyetooloola.
- 3 Era wansi waayo waaliwo ekifaananyi ky'ente, ekigyetooloolera emikono kkumi, nga kigyetooloola ennyanja enjuyi zonna. Ente zaali embu bbiri, ezaasaanuusibwa yo bwe yasaanuusibwa.
- 4 Yatuula ku nte kkumi na bbiri, essatu nga zitunuulira obukiika obwa kkono, n'essatu nga zitunuulira ebugwanjuba, n'essatu nga zitunuulira obukiika obwa ddyo, n'essatu nga zitunuulira ebuwanjuba: n'ennyanja ng'eteekeddwa ku zo waggulu, amatako gaazo zonna nga gali munda.
- 5 N'obugazi bwayo luta; n'omugo gwayo gwakolebwa ng'omugo gw'ekibya, ng'ekimuli ky'amalanga: ensuwa enkumi ssatu ezaayingiramu ne zigyamu.
- 6 Era n'akola eby'okwolezaamu kkumi, n'ateeka ebitaano ku mukono ogwa ddyo, n'ebitaano ku gwa kkono, okubyolezangamu; ebintu eby'ekiweebwayo ekyokebwa baabyolezanga omwo, naye ennyanja yali ya bakabona okunaabirangamu.
- 7 N'akola ebikondo kkumi bya zaabu ng'ekiragiyo kyabyo bwe kyali; n'abiteeka mu yeekaalu, ku mukono ogwa ddyo bitaano, ne ku gwa kkono bitaano.
- 8 Era n'akola n'emmeeza kkumi, n'aziteeka mu yeekaalu, ku luuyi olwa ddyo ttaano, ne ku lwa kkono ttaano. N'akola ebibya kikumi bya zaabu.
- 9 Era nate n'akola oluggya lwa bakabona, n'oluggya olunene, n'enzigi z'oluggya, enzigi zaazo n'azibikkako ebikomo.
- 10 N'ateeka ennyanja ku luuyi lw'ennyumba olwa ddyo ebuwanjuba, okutunuulira obukiika obwa ddyo.
- 11 Kulamu n'akola entamu n'ebisena n'ebibya. Awo Kulamu n'amala okukola omulimu gwe yakolera kabaka Sulemaani mu nnyumba ya Katonda:
- 12 empagi zombi n'embuto, n'emitwe gyombi egyali ku ntikko z'empagi; n'ebitimba byombi eby'okubikka ku bikompe byombi eby'emitwe egyali ku ntikko z'empagi;
- 13 n'amakomamawanga ebikumi bina ag'oku bitimba byombi; embu bbiri ez'amakomamawanga za ku buli kitimba, okubikka ku bikompe byombi eby'emitwe egyali ku mpagi.
- 14 Era n'akola n'entebe, n'ebyolezebwamu n'abikola ku ntebe:
- 15 ennyanja emu n'ente kkumi na bbiri wansi waayo.
- 16 Era n'entamu n'ebisena n'amakato agakwasa ennyama n'ebintu byonna ebyako Kulamu kitaawe n'abikolera kabaka Sulemaani olw'ennyumba ya Mukama, bya bikomo bizigule.
- 17 Mu lusenyi lwa Yoludaani kabaka gye yabisaanusiza, awali ettaka ery'ebbumba wakati wa Sukkosi ne Zereda.
- 18 Bw'atyo Sulemaani bwe yakola ebintu byonna bingi nnyo nnyini: kubanga ebikomo obuzito bwabyo tewategeerekeka.
- 19 Sulemaani n'akola ebintu byonna ebyali mu nnyumba ya Katonda, era n'ekyoto ekya zaabu, n'emmeeza okwabanga emigaati egy'okulaga;
- 20 n'ebikondo n'ettabaaza zaabyo, zaakirenga mu maaso g'awayimibwa okwogera ng'ekiragiyo bwe kyali, bya zaabu nnungi nnongoofu;
- 21 n'ebimuli ne ttabaaza ne makaasi, bya zaabu, zaabu ntuukirivu;
- 22 n'ebisalako ebisiriiza n'ebibya n'ebijiiko n'emumbiro, bya zaabu nnongoofu: n'omulyango gw'ennyumba, enzigi zaayo ez'omunda ez'omu kifo ekitukuvu ennyo

n'enzigi z'ennyumba, ye yeekaalu, zaali za zaabu.

Essuula 5

- 1 Bwe gutyo omulimu gwonna Sulemaani gwe yakola olw'ennyumba ya Mukama ne guggwaawo. Sulemaani n'ayingiza ebintu Dawudi kitaawe bye yawonga; effeeza ne zaabu n'ebintu byonna, n'abiteeka mu mawanika g'ennyumba ya Katonda.
- 2 Awo Sulemaani n'alyoka akuaanya abakadde ba Isiraeri n'emitwe gyonna egy'ebika, abakulu b'ennyumba za bakitaabwe ez'abaana ba Isiraeri, e Yerusaalemi, okulinyisa essanduuko ey'endagaano ya Mukama okugiggya mu kibuga kya Dawudi, ye Sayuuni.
- 3 Abasajja bonna aba Isiraeri ne bakuaanira eri kabaka ku mbaga, eyabaawo mu mwezi ogw'omusanvu.
- 4 Awo abakadde bonna aba Isiraeri ne bajja, Abaleevi ne basitula essanduuko.
- 5 Ne balinyisa essanduuko n'eweema ey'okusisinkanirangamu, n'ebintu byonna ebitukuvu ebyali mu Weema; ebyo bakabona Abaleevi ne babirinyisa.
- 6 Kabaka Sulemaani n'ekibiina kyonna ekya Isiraeri abaali bakuaanidde gy'ali ne baba mu maaso g'essanduuko, nga bawaayo endiga n'ente, ezitagattika newakubadde okubalika obungi.
- 7 Awo bakabona ne bayingiza essanduuko ey'endagaano ya Mukama mu kifo kyayo, awayimibwa okwogera mu nnyumba, mu kifo ekitukuvu ennyo, wansi w'ebiwawaatiro bya bakerubi.
- 8 Kubanga bakerubi bayanjala ebiwawaatiro byabwe ku kifo ky'essanduuko, bakerubi ne babikka ku ssanduuko n'emisituliro gyayo waggulu.
- 9 N'emisituliro gyali miwanvu bwe gityo emisa gy'emisituliro n'okulaba n'agiraba ayima awali essanduuko mu maaso g'awayimibwa okwogera; naye n'atagiraba ayima ebweru: era ekyali eyo ne leero.
- 10 Temwali kintu mu ssanduuko wabula ebipande byombi Musa bye yateeka omwo ku Kolebu, Mukama bwe yalagaana endagaano n'abaana ba Isiraeri, we baava mu Misiri.
- 11 Awo olwatuuka bakabona bwe baamala okuva mu kifo ekitukuvu, (kubanga bakabona bonna abaali eyo baali beetukuzizza, so tebaakwata mpalo zaabwe;
- 12 era n'Abaleevi abayimbi, bonna, Asafu, Kemani, Yedusuni, ne batabani baabwe ne baganda baabwe, nga bambadde bafuta ennungi, nga balina ebitaasa n'entongooli n'ennanga, ne bayimirira ku nkomerero y'ekyoto ey'ebuvanjuba, era wamu nabo bakabona kikumi mu abiri nga bafuuwa amakondeere:)
- 13 awo olwatuuka abaafuuwa n'abayimbi nga bafaanana omu, okuwuliza eddoboosi erimu nga batendereza nga beebaza Mukama, era bwe baayimusa eddoboosi lyabwe n'amakondeere n'ebitaasa n'ebintu ebivuga, ne batendereza Mukama, nga boogera nti Kubanga mulungi; kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna: awo ennyumba n'eryoka ejjula ekire, ennyumba ya Mukama,
- 14 bakabona n'okuyinza ne batayinza kuyimirira okuweereza olw'ekire: kubanga ekiti-ibwa kya Mukama kyajjula ennyumba ya Katonda.

Essuula 6

- 1 Awo Sulemaani n'alyoka ayogera nti Mukama ayogedde ng'anaatuulanga mu kizikiza ekikutte.
- 2 Naye nze nkuzimbidde ennyumba ey'okubeeramu, n'ekifo ky'onoobeerangamu emirembe gyonna.
- 3 Awo kabaka n'akyusa amaaso ge, n'asabira ekibiina kyonna ekya Isiraeri omukisa:

ekibiina kyonna ekya Isiraeri ne bayimirira.

- 4 N'ayogera nti Mukama Katonda wa Isiraeri yeebazibwe, eyayogera n'akamwa ke ne Dawudi kitange, era akituukirizza n'emikono gye, ng'ayogera nti
- 5 Okuva ku lunaku lwe nnaggya abantu bange mu nsi y'e Misiri, seerobozanga kibuga kyonna mu bika byonna ebya Isiraeri okuzimbira omwo ennyumba, erinnya lyange libeere omwo; so seerobozanga muntu yenna okuba omukulu w'abantu bange Isiraeri:
- 6 naye neerobozezza Yerusaalemi, erinnya lyange libeere omwo; era neerobozezza Dawudi okufuga abantu bange Isiraeri.
- 7 Kale kyali mu mutima gwa Dawudi kitange okuzimbira erinnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri ennyumba.
- 8 Naye Mukama yagamba Dawudi kitange nti Kubanga kyali mu mutima gwo okuzimbira erinnya lyange ennyumba, wakola bulungi kubanga kyali mu mutima gwo:
- 9 era naye ggwe tozibanga nnyumba; naye mutabani wo aliva mu ntumbwe zo, oyo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba.
- 10 Era Mukama atuukirizza ekigambo kye kye yayogera; kubanga nze nnyimukidde mu kifo kya Dawudi kitange, era ntudde ku ntebe ya Isiraeri, nga Mukama bwe yasubiza, era nzimbide erinnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri ennyumba.
- 11 Era ntadde omwo essanduuko, omuli endagaano ya Mukama, gye yalagaana n'abaana ba Isiraeri.
- 12 N'ayimirira mu maaso g'ekyoto kya Mukama, ekibiina kyonna ekya Isiraeri nga weebali n'ayanjuluza engalo ze:
- 13 (kubanga Sulemaani yali akoze ekituuti eky'ebikomo, obuwanvu bwakyo emikono etaano, n'obugazi bwakyo emikono etaano, n'obugulumivu bwakyo emikono esatu, n'akiteeka wakati mu luggya; n'ayimirira okwo, n'afukamira ku maviivi ge mu maaso g'ekibiina kyonna ekya Isiraeri, n'ayanjuluza engalo ze eri eggulu:)
- 14 n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, tewali Katonda akufaanana, mu ggulu newakubadde mu nsi; akwata endagaano n'okusasira eri abaddu bo abatambulira mu maaso go n'omutima gwabwe gwonna:
- 15 eyanyweza eri omuddu wo Dawudi kitange ekyo kye wamusubiza: weewaawo, wayogera n'akamwa ko, era okituukirizza n'omukono gwo, nga bwe luri leero.
- 16 Kale nno, ai Mukama Katonda wa Isiraeri, nyweza eri omuddu wo Dawudi kitange ekyo kye wamusubiza ng'oyogera nti Tewaakubulenga musajja mu maaso gange ow'okutuula ku ntebe ya Isiraeri; kyokka abaana bo bwe baneegenderezanga ekkubo lyabwe, okutambuliranga mu mateeka gange nga ggwe bwe watambuliranga mu maaso gange.
- 17 Kale nno, ai Mukama Katonda wa Isiraeri, ekigambo kyo kituukirizibwe; kye wagamba omuddu wo Dawudi.
- 18 Naye Katonda alituula mazima ddala n'abantu ku ttaka? laba, eggulu n'eggulu erya waggulu toligyamu; kale ennyumba eno gye nzimbye eyinza etya ggwe okugigyamu?
- 19 Naye lowooza okusaba kw'omuddu wo n'okwegayirira kwe, ai Mukama Katonda wange, okuwulira okukaaba n'okusaba omuddu wo kw'asabye mu maaso go:
- 20 amaaso go gazibukenga eri ennyumba eno emisana n'ekiro, eri ekifo kye wayogerako ng'oliteeka omwo erinnya lyo; okuwulira okusaba omuddu wo kw'anaasabanga ng'atunuulira ekifo kino.
- 21 Era owuliranga okwegayirira kw'omuddu wo, n'abantu bo Isiraeri, bwe banaasabanga nga batunuulira ekifo kino: weewaawo, wuliranga ggwe ng'oyima mu kifo kyo ky'obeeramu, ng'oyima mu ggulu; era bw'onoowuliranga, osonyiwanga.
- 22 Omuntu bw'anaayoonanga munne, ne bamulayiza ekirayiro ky'aba alayira, n'ajja n'alayira ng'ayima mu maaso g'ekyoto kyo mu nnyumba eno:
- 23 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu, okolanga, osaliranga abaddu bo omusango,

ng'osasula ababi, okumuleetako ekkubo lye; era ng'oweesa obutuukirivu omutuukirivu, okumuwa ng'obutuukirivu bwe bwe buli.

- 24 Era abantu bo Isiraeri bwe banaakubibwanga wansi mu maaso g'abalabe, kubanga bakwonoonye; ne bakyuka nate ne baatula erinnya lyo, ne basaba ne beegayiririra mu maaso go mu nnyumba eno:
- 25 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu, osonyiwanga okwonoona kw'abantu bo Isiraeri, obakomyangawo nate mu nsi gye wawa bo ne bajjajja baabwe.
- 26 Eggulu bwe linaggalwangawo, so nga tewali nkuba, kubanga bakwonoonye; bwe banaasabanga nga batunuulira ekifo kino ne baatula erinnya lyo ne bakyuka okuleka ekibi kyabwe, bw'obabonyaabonyanga:
- 27 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu, osonyiwanga ekibi ky'abaddu bo n'abantu bo Isiraeri, bw'onoobayigirizanga ekkubo eddungi lye baba batambuliramu; oweerezanga enkuba ku nsi yo gye wawa abantu bo okuba obusika.
- 28 Bwe wanaabanga mu nsi enjala, bwe wanaabanga kawumpuli, bwe wanaabanga okugengewala oba bukuku, enzige oba kawuka; abalabe baabwe bwe banaabazingirizanga mu nsi ey'ebibuga byabwe; kawumpuli bw'anafaanananga atya, n'endwadde bw'eneefaanananga etya;
- 29 kyonna kyonna omuntu yenna ky'anaasabanga era kyonna ky'aneegayiriranga, oba abantu bo bonna Isiraeri, abanaamanyanga buli muntu endwadde ye n'obuyinike bwe ye, n'ayanjuluza engalo ze eri ennyumba eno:
- 30 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu ekifo ky'obeeramu, osonyiwanga osasulanga buli muntu ng'amakubo ge gonna bwe gali, gw'omanyiiko omutima gwe; (kubanga ggwe, ggwe wekka, ggwe omanyi emitima gy'abaana b'abantu;)
- 31 balyoke bakutye okutambuliranga mu makubo go ennaku zonna ze balimala mu nsi gye wawa bajjajjaffe.
- 32 Era eby'omunnaggwanga atali wa mu bantu bo Isiraeri, bw'anaavanga mu nsi ey'ewala olw'erinnya lyo ekkulu n'engalo zo ez'amaanyi n'omukono gwo ogwagololwa; bwe banajjanga ne basaba nga batunuulira ennyumba eno;
- 33 owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu mu kifo ky'obeeramu okole nga byonna bwe biri omunnaggwanga by'akukaabira; amawanga gonna ag'oku nsi balyoke bamanye erinnya lyo, okukutya ng'abantu bo Isiraeri bwe bakutya, era bamanye ng'ennyumba eno gye nzimbye etuumiddwa erinnya lyo.
- 34 Abantu bo bwe banaatabalanga abalabe baabwe mu kkubo lyonna ly'onoobatumanga ne bakusabanga nga batunuulira ekibuga kino kye weeroboza n'ennyumba gye nzimbidde erinnya lyo:
- 35 kale owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu okusaba kwabwe n'okwegayirira kwabwe owozanga ensonga yaabwe.
- 36 Bwe banaakwonoona (kubanga tewali muntu atayonoona) n'obasunguwalira n'obagabula eri abalabe n'okutwala ne babatwala nga basibe mu nsi oba wala oba kumpi;
- 37 naye bwe banajjuukiriranga mu nsi gye baatwalibwa nga basibe ne bakyuka ne bakwegayirira mu nsi ey'okusibibwa kwabwe nga boogera nti Twayonoona ne tukola eby'obubambaavu, twagira ekyejo;
- 38 bwe banaakomangawo gy'oli n'omutima gwabwe gwonna n'emmeeme yaabwe yonna mu nsi ey'okusibibwa kwabwe gye baabatwala nga basibe, ne bakusaba nga batunuulira ensi yaabwe gye wawa bajjajja baabwe, n'ekibuga kye weeroboza n'ennyumba gye nzimbidde erinnya lyo;
- 39 kale owuliranga ggwe okusaba kwabwe n'okwegayirira kwabwe ng'oyima mu ggulu ekifo ky'obeeramu owozanga ensonga yaabwe; osonyiwanga abantu bo abakwonoonye.

- 40 Kale, ai Katonda wange, nkwegayiridde amaaso go gazibukenga n'amatu go gawulirenga okusaba okunaasabirwanga mu kifo kino.
- 41 Kale nno golokoka, ai Mukama Katonda, oyingire mu kifo kyo eky'okuwummuliramu, ggwe n'essanduuko ey'amaanyi go: bakabona bo, ai Mukama Katonda, bambale obulokozi, n'abatukuvu bo basanyukire obulungi.
- 42 Ai Mukama Katonda, tokusanga maaso g'oyo gwe wafukako amafuta: jjukira okusaasirwa kwa Dawudi omuddu wo.

Essuula 7

- 1 Awo Sulemaani bwe yamala okwogera omuliro ne guva mu ggulu ne gwokya ekiweebwayo ekyokebwa ne ssaddaaka; ekitiibwa kya Mukama ne kijjula ennyumba.
- 2 Bakabona ne batayinza kuyingira mu nnyumba ya Mukama kubanga ekitiibwa kya Mukama kijjudde ennyumba ya Mukama.
- 3 Abaana ba Isiraeri bonna ne batunuulira, omuliro bwe gwaka, ekitiibwa kya Mukama ne kiba ku nnyumba; ne bavuunama amaaso gaabwe ku mayinja amaaliire, ne basinza, ne beebaza Mukama nga boogera nti Kubanga mulungi; kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 4 Awo kabaka n'abantu bonna ne bawerayo ssaddaaka mu maaso ga Mukama.
- 5 Kabaka Sulemaani n'awaayo ssaddaaka ey'ente obukumi bubiri mu enkumi bbiri, n'endiga kasiriivu mu obukumi bubiri. Awo kabaka n'abantu bonna ne bawonga ennyumba ya Katonda.
- 6 Bakabona ne bayimirira ng'emirimu gyabwe bwe gyali; era n'Abaleevi nga balina ebintu ebivuga ebya Mukama, Dawudi kabaka bye yakola okwebaza Mukama, kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna, Dawudi bwe yatenderezanga olw'okuweereza kwabwe: bakabona ne bafuuwa amakondeere mu maaso gaabwe; Isiraeri yenna ne bayimirira.
- 7 Era Sulemaani n'atukuza oluggya wakati olwali mu maaso g'ennyumba ya Mukama; kubanga yaweerayo ebiweebwayo ebyokebwa n'amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe: kubanga ekyoto eky'ekikomo Sulemaani kye yakola tekyayinza kugyako ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo eky'obutta n'amasavu.
- 8 Awo Sulemaani n'afumba embaga mu biro ebyo ey'ennaku musanvu, ne Isiraeri yenna wamu naye, ekibiina ekinene ennyo, okuva awayingirirwa e Kamasi okutuuka ku kagga ak'e Misiri.
- 9 Awo ku lunaku olw'omunaana ne bakuaanya okukuaana okutukuvu: kubanga embaga ey'okuwonga ekyoto baagikwatira ennaku musanvu, n'embaga ennaku musanvu.
- 10 Awo ku lunaku olw'amakumi abiri mu ssatu olw'omwezi ogw'omusanvu n'asindika abantu mu weema zaabwe, nga basanyuse era nga bajaguza mu mitima gyabwe olw'obulungi Mukama bwe yali alaze Dawudi, ne Sulemaani, ne Isiraeri abantu be.
- 11 Bw'atyo Sulemaani bwe yamala ennyumba ya Mukama n'ennyumba ya kabaka: ne byonna ebyayingira mu mutima gwa Sulemaani okukola mu nnyumba ya Mukama ne mu nnyumba ye n'abituusa bulungi.
- 12 Mukama n'alabikira Sulemaani kiro n'amugamba nti Mpulidde okusaba kwo ne nneeroboza gye ndi ekifo kino okuba ennyumba ey'okuweerangamu ssaddaaka.
- 13 Bwe naggalangawo eggulu waleme okuba enkuba, oba bwe nnaalagiranga enzige okulya ensi, oba bwe nnaawerezanga kawumpuli mu bantu bange;
- 14 abantu bange abatumiddwa erinnya lyanze bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe.

- 15 Kale amaaso gange ganaazibukanga n'amatu gange ganaawuliranga okusaba okunaasabibwanga mu kifo kino.
- 16 Kubanga kaakano nneerobozezza ennyumba eno ne ngitukuza, erinnya lyange libeere omwo emirembe gyonna: n'amaaso gange n'omutima gwange binaabeeranga eyo obutayosa.
- 17 Naawe, bw'onootambuliranga mu maaso gange, nga Dawudi kitaawo bwe yatambulanga, n'okola nga byonna bwe biri bye nnakulagira, n'okwata amateeka gange n'emisango gyange;
- 18 kale naanywezanga entebe ey'obwakabaka bwo nga bwe nnalagaana ne Dawudi kitaawo nga njogera nti Tewaakubulenga musajja okuba afuga mu Isiraeri.
- 19 Naye bwe munaakyukanga ne muleka amateeka gange n'ebiragiro byange bye ntadde mu maaso gammwe, ne mugenda ne muweereza bakatonda abalala ne mubasinza:
- 20 awo ndibasigulira ddala ne mbaggya mu nsi yange gye mbawadde; n'ennyumba eno gye ntukuzizza olw'erinnya lyange ndigisuula okuva mu maaso gange, era ndigifuula olugero n'ekigambo eky'obuwemu mu mawanga gonna.
- 21 N'ennyumba eno empanvu eyenkanidde awo buli anaagiyitangako aneewuunyanga era anaayogeranga nti Kiki ekikozezza bwe kityo Mukama ensi eno n'ennyumba eno?
- 22 Kale banaddangamu nti Kubanga baaleka Mukama Katonda wa bajjajja baabwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri, ne bakwata bakatonda abalala ne babasinza ne babaweereza: kyeyava abaleetako obubi buno bwonna.

Essuula 8

- 1 Awo olwatuuka emyaka amakumi abiri bwe gyayitawo Sulemaani mwe yazimbira ennyumba ya Mukama n'ennyumba ye ye,
- 2 ebibuga Kulamu bye yawa Sulemaani, Sulemaani n'abizimba n'atuuzza omwo abaana ba Isiraeri.
- 3 Awo Sulemaani n'agenda Kamasuzoba n'akimenya.
- 4 n'azimba Tadumoli mu ddungu n'ebibuga byonna eby'okuterekeramu yazimba mu Kamasi.
- 5 Era, n'azimba ne Besukolooni ekya waggulu, ne Besukolooni ekya wansi, ebibuga ebiriko enkomera ne bbugwe n'enzigi n'ebisiba;
- 6 ne Baalasi n'ebibuga byonna eby'okuterekeramu Sulemaani bye yalina, n'ebibuga byonna eby'amagaali ge n'ebibuga eby'abasajja be abeebagala embalaasi, ne byonna Sulemaani bye yayagala okuzimba olw'okwesanyusa kwe mu Yerusaalemi ne mu, Lebanooni ne mu nsi yonna ey'amatwale ge.
- 7 Abantu bonna abaasigalawo ku Bakiiti n'Abamoli n'Abaperini n'Abakiivi n'Abayebusi abatali ba ku Baisiraeri;
- 8 ku baana baabwe abaasigalawo oluvannyuma lwabwe mu nsi, abaana ba Isiraeri be bataazikiriza, ku abo Sulemaani kwe yasoloozanga (abaddu) ne leero.
- 9 Naye ku baana ba Isiraeri Sulemaani teyafuulangako baddu olw'omulimu gwe; naye ne baba basajja balwanyeri era abakulu b'abaami be era abafuga amagaali ge n'abasajja be abeebagala embalaasi.
- 10 Era bano be baali abaami abakulu aba kabaka Sulemaani, ebikumi bibiri mu ataano abaafuganga abantu.
- 11 Sulemaani n'ayambusa muwala wa Falaawo ng'amuggya mu kibuga kya Dawudi n'amuleeta mu nnyumba gye yamuzimbira: kubanga yayogera nti Mukazi wange tajja kubeera mu nnyumba ya Dawudi kabaka wa Isiraeri, kubanga ebifo bitukuvu essanduuko ya Mukama gye yatuuka.
- 12 Awo Sulemaani n'awangayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama ku kyoto kya

Mukama kye yazimba mu maaso g'ekisasi,

- 13 ng'ebiyagwanira buli lunaku bwe byali, ng'awaayo ng'ekiragiro kya Musa bwe kyali ku ssabbiiti n'emyezi nga kye gijje giboneke ne ku mbaga ezaalagirwa, emirundi esatu buli mwaka, ku mbaga ey'emigaati egitazimbulukuswa ne ku mbaga eya ssabbiiti ne ku mbaga ey'ensiisira.
- 14 N'agaba empalo za bakabona olw'okuweereza kwabwe ng'ekiragiro kya Dawudi kitaawe bwe kyali, n'awa Abaleevi ebyo bye baalagirwa, okutenderezanga n'okuweereza mu maaso ga bakabona, ng'ebiyagwanira buli lunaku bwe byali: era n'abaggazi ng'empalo zaabwe bwe zaali ku buli mulyango: kubanga bw'atyo Dawudi omusajja wa Katonda bwe yalagira.
- 15 Ne batava mu kiragiro kya kabaka kye yalagira bakabona n'Abaleevi olw'ekigambo kyonna oba olw'ebintu ebyaterekebwa.
- 16 Awo omulimu gwonna ogwa Sulemaani ne gutegekerwa olunaku olw'okussaawo emisingi gy'ennyumba ya Mukama n'okutuusa lwe yaggwa. Bw'etyo ennyunba ya Mukama n'etuusibwa ddala.
- 17 Awo Sulemaani n'agenda Eziyonigeba ne Erosi ekiri ku ttale y'ennyanja mu nsi ya Edomu.
- 18 Kulamu n'amuweereza mu mikono gy'abaddu be ebyombo n'abaddu abaamanya ennyanja; ne bajja wamu n'abaddu ba Sulemaani e Ofiri, ne bakimayo zaabu talanta ebikumi bina mu ataano, ne bazireeta eri kabaka Sulemaani.

Essuula 9

- 1 Awo kabaka omukazi w'e Seeba bwe yawulira ettutumo lya Sulemaani, n'ajja okukema Sulemaani n'ebibuuzibwa ebizibu, e Yerusalemi, ng'alina abaddu bangi nnyo n'eamira ezeetisse eby'akaloosa ne zaabu nnyingi nnyo n'amayinja ag'omuwendo omungi: awo bwe yajja eri Sulemaani, n'ateesa naye ebyo byonna ebyali mu mutima gwe.
- 2 Awo Sulemaani n'amutegeeza byonna bye yamubuuza: tewali kintu ekyakwekebwa kabaka ky'ataamutegeeza.
- 3 Awo kabaka omukazi w'e Seeba bwe yamala okulaba amagezi ga Sulemaani n'ennyumba gye yazimba,
- 4 n'emmere ey'oku mmeeza ye n'okutuula kw'abaddu be n'okuweereza kw'abaweereza be n'ebymbalo byabwe; n'abasenero be n'ebymbalo byabwe; n'olutindo lwe lwe yalinyirangako okugenda mu nnyumba ya Mukama; kale nga temukyasigadde mwoyo mu ye.
- 5 N'agamba kabaka nti Ekigambo kye nnawulirira mu nsi yange kyali kya mazima eky'ebikolwa byo n'amagezi go.
- 6 Era naye sakkiriza bigambo byabwe okutuusa lwe nnajja amaaso gange ne gakhiraba: era, laba, saabuulirwa kitundu kya bukulu bw'amagezi go: osinga ettutumo lye nnawulira.
- 7 Abasajja bo balina omukisa, abaddu bo bano balina omukisa, abayimirira mu maaso go ennaku zonna ne bawulira amagezi go.
- 8 Mukama Katonda wo yeebazibwe eyakusanyukira okukuteeka ku ntebe okuba kabaka olwa Mukama Katonda wo: kubanga Katonda wo yayagala Isiraeri okubanyweza emirembe gyonna, kyeyava akufuula kabaka waabwe okukolanga eby'ensonga n'eby'obutuukirivu.
- 9 Awo n'awa kabaka zaabu talanta kikumi mu abiri, n'eby'akaloosa bingi nnyo nnyini n'amayinja ag'omuwendo omungi: so tewaabaawo bya kaloosa ebyenkanidde awo ng'ebyo kabaka omukazi w'e Seeba bye yawa kabaka Sulemaani.

- 10 Era n'abaddu ba Kulamu n'abaddu ba Sulemaani abaaleetanga zaabu okuva e Ofiri, ne baleeta emitooogo n'amayinja ag'omuwendo omungi.
- 11 Kabaka n'akola n'emitooogo entindo ez'ennyumba za Mukama n'ennyumba ya kabaka, n'ennanga n'entongooli z'abayimbi: so tewaalabikanga edda mu nsi ya Yuda egi-faanana bwe gityo.
- 12 Awo kabaka Sulemaani n'awa kabaka omukazi w'e Seeba byonna bye yayagala, buli kye yasaba kyonna, obutassaako ebyo bye yaleetera kabaka. Awo n'akyusa n'addayo mu nsi ye ye, ye n'abaddu be.
- 13 Era ezaabu eyajja eri Sulemaani mu mwaka ogumu obuzito bwayo bwali talanta za zaabu lukaaga mu nkaaga mu mukaaga,
- 14 obutassaako eyo abasuubuzi n'ab'obuguzi gye baaleetanga: ne bakabaka bonna ab'e Buwalabu n'abakulu b'ensi ne baleetera Sulemaani zaabu n'effeeza.
- 15 Era kabaka Sulemaani n'aweesa obugabo ebikumi bibiri ebya zaabu empeese: buli kagabo n'akawaako (sekeri) za zaabu lukaaga.
- 16 N'akola engabo ebikumi bisatu ebya zaabu empeese; buli ngabo n'agiwaako sekeri ebikumi bisatu: kabaka n'azitereka mu nnyumba ey'ekibira kya Lebanooni.
- 17 Era kabaka n'akola entebe ey'obwakabaka ennene ya masanga n'agibikkako zaabu nnungi.
- 18 Entebe yaliko amadaala mukaaga, era yaliko entebe ey'ebigere eya zaabu, era gaasi-bibwa n'entebe, era yaliko emikono eruuyi n'eruyi awatuulibwa, n'empologoma bbiri nga ziyimiridde ku mabbali g'emikono.
- 19 N'empologoma kkumi na bbiri zaayimirira eruuyi n'eruyi ku madaala omukaaga: tewali eyakolebwa mu bwakabaka bwonna okugifaanana.
- 20 Era ebintu byonna ebya kabaka Sulemaani eby'okunyweramu byali bya zaabu, n'ebintu byonna eby'omu nnyumba ey'ekibira kya Lebanooni byali bya zaabu nnon-goofu: ffeeza teyalowoozebwa nga kintu ku mirembe gya Sulemaani.
- 21 Kubanga kabaka yalina malikebu ezaagendanga e Talusiisi wamu n'abaddu ba Kulamu; malikebu ez'e Talusiisi zajjanga mulundi gumu buli myaka esatu nga zireeta zaabu n'effeeza, amasanga n'enkobe ne bamuzinge.
- 22 Awo kabaka Sulemaani n'asinga bakabaka bonna ab'ensi obugagga n'amagezi.
- 23 Bakabaka b'ensi bonna ne banoonya amaaso ga Sulemaani okuwulira amagezi ge Katonda ge yali atadde mu mutima gwe.
- 24 Ne baleeta buli muntu ekirabo kye, ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu n'ebyambalo n'ebyokulwanyisa n'eby'akaloosa, embalaasi n'ennyumbu, ebyasalibwa ebya buli mwaka.
- 25 Era Sulemaani yalina ebisibo enkumi nnya olw'embalaasi n'amagaali, n'abasajja abeebagala embalaasi kakumi mu enkumi bbiri be yateeka mu bibuga eby'amagaali n'awali kabaka e Yerusaalemi.
- 26 Era yafuga bakabaka bonna okuva ku Mugga okutuuka ku nsi eya Abafirisuuti, ne ku nsalo ey'e Misiri.
- 27 Kabaka n'afuula ffeeza okuba ng'amayinja mu Yerusaalemi, n'emivule n'agifuula okuba ng'emisukomooli egiri mu biwonvu olw'obungi.
- 28 Ne baleeteranga Sulemaani embalaasi nga baziggya mu Misiri ne mu nsi zonna.
- 29 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Sulemaani, ebyasooka n'ebyamalirwako, tebyawandiikibwa mu bigambo bya Nasani nnabbi ne mu ebyo bye yalagula Akiya Omusiiri ne mu kwolesebwa kwa Iddo omulabi okwa Yerobowaamu mutabani wa Nebati?
- 30 Sulemaani n'afugira Isiraeri yenna mu Yerusaalemi emyaka amakumi ana.
- 31 Sulemaani ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi kitaawe: Lekobowaamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 10

- 1 Lekobowaamu n'agenda e Sekemu: kubanga Isiraeri yenna baali bazze e Sekemu okumufuula kabaka.
- 2 Awo olwatuuka Yerobowaamu mutabani wa Nebati bwe yakiwulira, (kubanga yali mu Misiri gye yali addukidde okuva eri kabaka Sulemaani,) Yerobowaamu n'ava mu Misiri n'akomawo.
- 3 Ne batuma, ne bamuyita; awo Yerobowaamu ne Isiraeri yenna ne bajja ne boogera ne Lekobowaamu nti
- 4 Kitaawo yafuula ekikoligo kyaffe okuba ekizito: kale nno wewula, ggwe okuweereza okuzibu okwa kitaawo n'ekikoligo kye ekizito kye yatuteekako, naffe tunaakuweerezanga.
- 5 N'abagamba nti Mumale ennaku ssatu, mulyoke mujje gye ndi nate. Abantu ne bagenda.
- 6 Kabaka Lekobowaamu n'ateesa ebigambo n'abakadde abaayimiriranga mu maaso ga Sulemaani kitaawe bwe yali ng'akyali mulamu ng'ayogera nti Magezi ki ge mumpa okubaddamu abantu bonna?
- 7 Ne bamugamba nti Bw'onookola eby'ekisa abantu bano n'obasanyusa n'obagamba ebigambo ebirungi, kale bo banaabanga abaddu bo ennaku zonna.
- 8 Naye n'aleka amagezi g'abakadde ge baamuwa, n'ateesa n'abalenzi abaakulira awamu naye abaayimirira mu maaso ge.
- 9 N'abagamba nti Magezi ki ge mumpa mmwe tubaddemu bano abaambye nti Wewula ekikoligo kitaawo kye yatuteekako?
- 10 Awo abalenzi abaakulira awamu naye ne bamugamba nti Bw'otyoba bw'oba ogamba abantu bano abakugambye nti Kitaawo yafuula ekikoligo kyaffe okuba ekizito, naye ggwe kiwewule gye tuli; bw'otyoba bw'oba obagamba nti Nasswi wange asinga obunene ekiwato kya kitange.
- 11 Era nno kubanga kitange yababinikanga ekikoligo ekizito, nze naayongeranga ku kikoligo kyammwe: kitange yabakangavvulanga na nkoba, naye nze naabakangavvulanga na njaba ez'obusagwa.
- 12 Awo Yerobowaamu n'abantu bonna ne bajja eri Lekobowaamu ku lunaku olw'okusatu, nga kabaka bwe yalagira, ng'ayogera nti Mujjanga gye ndi nate ku lunaku olw'okusatu.
- 13 Awo kabaka n'abaddamu n'ebboggo, kabaka Lekobowaamu n'aleka okuteesa kw'abakadde;
- 14 n'abagamba ng'okuteesa kw'abalenzi bwe kwali ng'ayogera nti Kitange yafuulanga ekikoligo kyammwe ekizito, naye nze naayongerangako: kitange yabakangavvulanga na nkoba, naye nze naabakangavvulanga na njaba ez'obusagwa.
- 15 Awo kabaka n'atawulira bantu; kubanga kyali kigambo Katonda kye yaleeta, Mukama anyweze ekigambo kye kye yagamba Yerobowaamu mutabani wa Nebati mu mukono gwa Akiya Omusiiri.
- 16 Awo Isiraeri yenna bwe baalaba nga kabaka tabawulira, abantu ne baddamu kabaka nga boogera nti Mugabo ki gwe tulina mu Dawudi? so tetulina busika mu mutabani wa Yese: buli muntu mudde mu weema zammwe, ai Isiraeri: labirira nno ennyumba yo ggwe, Dawudi. Awo Isiraeri yenna ne baddayo mu weema zaabwe.
- 17 Naye abaana ba Isiraeri abaabeeranga mu bibuga bya Yuda, abo Lekobowaamu n'abafuga.
- 18 Awo kabaka Lekobowaamu n'atuma Kadolaamu eyali omukulu w'omusolo; abaana ba Isiraeri ne bamukasukirira amayinja n'okufa n'afa. Kabaka Lekobowaamu n'ayan-guwa okulinyya mu ggaali lye okuddukira mu Yersaalemi.

19 Bwe batyo Isiraeri ne bajeemera ennyumba ya Dawudi ne leero.

Essuula 11

- 1** Awo Lekobowaamu bwe yatuuka e Yersaalemi, n'akuaanya ennyumba ya Yuda ne Benyamini, abasajja abalonde kasiriiivu mu obukumi munaana, abalwany, okulwana n'ennyumba ya Isiraeri, okumuddiza nate obwakabaka Lekobowaamu.
- 2** Naye ekigambo kya Mukama ne kijjira Semaaya omusajja wa Katonda nga kyogera nti
- 3** Gamba Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani kabaka lwa Yuda, ne Isiraeri yenna mu Yuda ne Benyamini, ng'oyogera nti
- 4** Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Temwambuka so temulwana ne baganda bammwe: muddeeyo buli muntu mu nnyumba ye; kubanga ekigambo kino kyava gye ndi. Awo ne bawulira ebigambo bya Mukama ne baddayo ne baleka okutabaala Yerobowaamu.
- 5** Awo Lekobowaamu n'abeera mu Yersaalemi n'azimba ebibuga mu Yuda okuba ebigo.
- 6** N'azimba Besirekemu ne Etamu ne Tekowa
- 7** ne Besuzuli ne Soko ne Adulamu
- 8** ne Gaasi ne Malesa ne Zifu,
- 9** ne Adorayimu ne Lakisi ne Azeka
- 10** ne Zola ne Ayalooni ne Kebbulooni, ebiri mu Yuda ne mu Benyamini, ebibuga ebiriko enkomera.
- 11** Ebigo n'abizimbako enkomera, n'abiteekamu abaami n'emmere ey'okuterekebwa n'amafuta n'omwenge.
- 12** Ne mu buli kibuga kinnakimu n'ateekamu engabo n'amafumu, n'abinyweza nnyo nnyini. Yuda ne Benyamini ne baba babe.
- 13** Bakabona n'Abaleevi abaali mu Isiraeri yonna ne bagendanga gy'ali okuva mu nsalo zaabwe zonna.
- 14** Kubanga Abaleevi baaleka ebyalo byabwe eby'oku bibuga n'obutaka bwabwe ne bajja mu Yuda ne mu Yersaalemi: kubanga Yerobowaamu ne batabani be baabagoba baleme okuweerezanga mu bwakabona bwabwe eri Mukama:
- 15** ne yeetekerawo bakabona ab'ebifo ebigulumivu n'ab'embuzi ennume n'ab'ennyana ze yakola.
- 16** Awo ne babagoberera bonna abaateeka emitima gyabwe okunoonya Mukama Katonda wa Isiraeri ab'omu bika byonna ebya Isiraeri, ne bajja e Yersaalemi okuwaayo ssad-daaka eri Mukama Katonda wa bajjajjaabwe.
- 17** Bwe batyo ne banyweza obwakabaka bwa Yuda, ne bamunywereza emyaka esatu Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani: kubanga baatambulira emyaka esatu mu kkubo lya Dawudi ne Sulemaani.
- 18** Awo Lekobowaamu n'afumbirwa omukazi Makalasi muwala wa Yerimosi mutabani wa Dawudi, era owa Abikayiri muwala wa Eriyaabu mutabani wa Yese;
- 19** n'amuzaalira abaana ab'obulenzi; Yewusi ne Semaliya ne Zakamu.
- 20** Oluvannyuma lwe n'afumbirwa Maaka muwala wa Abusaalomu; oyo n'amuzaalira Abiya ne Attayi ne Ziza ne Seromisi.
- 21** Lekobowaamu n'ayagala Maaka muwala wa Abusaalomu okukira bakazi be bonna n'abazaana be bonna; (kubanga yawasa abakazi kkumi na munaana n'abazaana nkaaga, n'azaala abaana ab'obulenzi amakumi abiri mu munaana n'ab'o buwala nkaaga).
- 22** Lekobowaamu n'assaawo Abiya mutabani wa Maaka okuba omukulu, asinga baganda be obukulu: kubanga yayagala okumufuula kabaka.

- 23 N'akola eby'amagezi, n'asaasaanya batabani be bonna mu nsi zonna eza Yuda ne Benyamini, mu buli kibuga ekiriko olukomera: n'abawa ebyokulya bingi nnyo. N'abanoonyeza abakazi bangi.

Essuula 12

- 1 Awo olwatuuka obwakabaka bwa Lekobowaamu bwe bwanywezebwa n'aba n'amaanyi, kale n'aleka amateeka ga Mukama, ne Isiraeri yenna wamu naye.
- 2 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okutaano ogwa kabaka Lekobowaamu Sisaki kabaka w'e Misiri n'atabaala Yersaalemi, kubanga basobezza Mukama,
- 3 ng'alina amagaali lukumi mu ebikumi bibiri n'abasajja abeebagala embalaasi obukumi mukaaga: n'abantu abajja naye abaava mu Misiri nga tebalika; Abalubimu n'Abasukkiyimu n'Abaesiyopya.
- 4 N'amenya ebibuga ebiriko enkomera ebya Yuda, n'ajja e Yersaalemi.
- 5 Awo Semaaya nabbi n'ajja eri Lekobowaamu n'eri abakulu ba Yuda abaali bakuaanidde e Yersaalemi olwa Sisaki, n'abagamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Munvuddeko, nange kyenvudde mbaleka mu mukono gwa Sisaki.
- 6 Awo abakulu ba Isiraeri ne kabaka ne beetoowaza; ne boogera nti Mukama mutuukirivu.
- 7 Awo Mukama bwe yalaba nga beetoowazizza, ekigambo kya Mukama ne kijja eri Semaaya nga kyogera nti Beetoowazizza; siribazikiriza: naye naabawaako okuwonyezebwa, n'obusungu bwange tebulifukibwa ku Yersaalemi mu mukono gwa Sisaki.
- 8 Era naye baliba baddu be; bamanye okuweereza kwange n'okuweereza kw'obwakabaka bw'ensi bwe kufaanana.
- 9 Awo Sisaki kabaka w'e Misiri n'atabaala Yersaalemi n'aggyayo obugagga obw'omu nnyumba ya Mukama n'obugagga obw'omu nnyumba ya kabaka; byonna n'abitwalira ddala: n'aggyayo engabo zonna eza zaabu Sulemaani ze yakola.
- 10 Kabaka Lekobowaamu n'akola engabo ez'ebikomo okudda mu bifo byazo, n'aziteresa mu mikono gy'abaami b'abambowa abaakuumanga oluggi lw'ennyumba ya kabaka.
- 11 Awo olwatuuka kabaka buli lwe yayingiranga mu nnyumba ya Mukama, abambowa ne bajja ne bazisitula, ne bazizza mu nju ey'abakuumi.
- 12 Awo bwe yeetoowaza, obusungu bwa Mukama ne bukyuka okumuvaako, aleme okumuzikiririza ddala: era nate mu Yuda mwalabika ebirungi.
- 13 Awo kabaka Lekobowaamu ne yeenywereza mu Yersaalemi n'afuga, kubanga Lekobowaamu yali yaakamaze emyaka amakumi ana mu gumu bwe yatanula okufuga, n'afugira emyaka kkumi na musanvu mu Yersaalemi, ekibuga Mukama kye yeeroboza mu bika byonna ebya Isiraeri okuteeka omwo erinnya lye: n'erinnya lya nnyina lyali Naama Omwamoni.
- 14 N'akola ebyali ebibi, kubanga teyakakasa mutima gwe okunoonya Mukama.
- 15 Era ebikolwa bya Lekobowaamu, ebyasooka n'ebyamalirwako, tebyawandiikibwa mu bigambo bya Semaaya nnabbi n'ebya Iddo omulabi ng'engeri bw'eri ey'ebitabo eby'okuzaalibwa? Ne wabanga entalo eri Lekobowaamu ne Yerobowaamu obutayosa.
- 16 Lekobowaamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe, n'aziikibwa mu kibuga kya Dawudi: Abiya mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 13

- 1 Mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogwa kabaka Yerobowaamu Abiya n'atanula okufuga Yuda.

- 2 N'afugira emyaka esatu mu Yerusaalemi: n'erinnya lya nnyina lyali Mikaaya muwala wa Uliyeeri ow'e Gibeya. Ne wabanga entalo eri Abiya ne Yerobowaamu.
- 3 Abiya n'alumba ng'alina eggye ery'abasajja abazira abalwany, abasajja abalonde obusiriivu buna: Yerobowaamu n'asimba ennyiriri okulwana naye ng'alina abasajja abalonde obusiriivu munaana ab'amaanyi abazira.
- 4 Abiya n'ayimirira ku lusoji Zemalayimu oluli mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu n'ayogera nti Mumpulire, mmwe Yerobowaamu ne Isiraeri yenna;
- 5 temwagwana kumanya nga Mukama Katonda wa Isiraeri yawa Dawudi obwakabaka bwa Isiraeri okumala emirembe gyo, ye ne batabaai be n'endagaano ey'omunyo?
- 6 Naye Yerobowaamu mutabani wa Nebati omuddu wa Sulemaani mutabani wa Dawudi n'agolokoka n'ajeemera mukama we.
- 7 Ne wakuaana gy'ali abasajja abataliiko kye bagasa, abaana ba Beriali, abeenyweza eri Lekobowaamu mutabani wa Sulemaani, Lekobowaamu ng'akyali muto n'omutima gwe nga mugonvu, so nga tayinza kubaziyiza.
- 8 Awo kaakano mulowooza okuziyiza obwakabaka bwa Mukama mu mukono gwe batabani ba Dawudi; era muli kibiina kinene, era waliwo nammwe ennyana eza zaabu Yerobowaamu ze yabakolera okuba bakatonda.
- 9 Temwagoba bakabona ba Mukama, batabani ba Alooni n'Abaleevi, ne mwerondera bakabona ng'empisa bw'eri ey'amawanga ag'omu nsi endala? kale buli ajja okwetukuza ng'alina ente ento n'endiga ennume musanvu, oyo ayinza okuba kaboa w'abo abatali bakatonda.
- 10 Naye ffe, Mukama ye Katonda waffe, naffe tetumuvangako; era (tulina) bakabona abaweereza Mukama, batabani ba Alooni n'Abaleevi, mu mulimu gwabwe:
- 11 era bookya eri Mukama buli nkya na buli kawungeezi ebiweebwayo ebyokebwa n'obubaane obuwoomerevu: n'emigaati egy'okulaga nayo bagiteekateeka ku mmeeza ennongoofu: n'ekikondo ekya zaabu n'ettabaaza zaakyo, okwakanga buli kawungeezi: kubanga ffe tukwata ebyo Mukama Katonda waffe bye yakuutira; naye mmwe mwa-muvaako.
- 12 Era, laba, Katonda ali naffe, atukulembedde, ne bakabona be nga balina amakondeere agalawa, okugalaya okulwana nammwe. Ai abaana ba Isiraeri, temulwana ne Mukama Katonda wa bajjajjammwe; kubanga temuulabe mukisa.
- 13 Naye Yerobowaamu n'abafulumya ennyuma abateezi: awo ne baba mu maaso ga Yuda, abateezi ne baba ennyuma waabwe.
- 14 Awo Yuda bwe baakebuka, laba, olutalo nga lubafulumye mu maaso n'ennyuma: ne bakaabira Mukama, bakabona ne bafuuwa amakondeere.
- 15 Awo abasajja ba Yuda ne boogerera waggulu: awo abasajja ba Yuda nga boogerera waggulu, olwatuuka Katonda n'akuba Yerobowaamu ne Isiraeri yenna mu maaso ga Abiya ne Yuda.
- 16 Abaana ba Isiraeri ne badduka mu maaso ga Yuda: Katonda n'abagabula mu mukono gwabwe.
- 17 Abiya n'abantu be ne babatta olutta olunene: n'okugwa ne kugwa ku Isiraeri nga battiddwa abasajja abalonde obusiriivu butaano.
- 18 Bwe batyo abaana ba Isiraeri ne bawangulwa mu biro ebyo, abaana ba Yuda ne basinga, kubanga beesiga Mukama Katonda wa bajjajjaabwe.
- 19 Abiya n'ayigganya Yerobowaamu, n'amuggyako ebibuga, Beseri n'ebibuga byako, ne Yesana n'ebibuga byako, ne Efulooni n'ebibuga byako.
- 20 So Yerobowaamu teyafuna nate amaanyi ku mirembe gya Abiya: Mukama n'amulwaza n'afa.
- 21 Naye Abiya n'afuuka ow'amaanyi, n'awasa abakazi kkumi na bana n'azaala abaana ab'obulenzi amakumi abiri mu babiri n'ab'obuwala kkumi na mukaaga.

- 22 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Abiya n'amakubo ge n'ebigambo bye byawandiikibwa mu bitegeeza bya nnabbi Iddo.

Essuula 14

- 1 Awo Abiya ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi, Asa mutabani we n'afuga mu kifo kye: ku mirembe gye ensi n'etereerera emyaka kkumi.
- 2 Asa n'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama Katonda we ebirungi era eby'ensonga:
- 3 kubanga yaggyawo ebyoto ebya bannaggwanga n'ebifo ebigulumivu n'amenya empagi n'atemaatema ba Asera;
- 4 n'alagira Yuda okunoonya Mukama Katonda wa bajjajjaabwe n'okukwata amateeka n'ekiragiho.
- 5 Era n'aggyawo mu bibuga byonna ebya Yuda ebifo ebigulumivu n'ebifaananyi by'enjuba: obwakabaka ne butereera mu maaso ge.
- 6 N'azimba ebibuga ebiriko enkomera mu Yuda: kubanga ensi yali eteredde so teyalina ntalo mu myaka egyo; kubanga Mukama yamuwa okuwummula.
- 7 Kubanga yagamba Yuda nti Tuzimbe ebibuga bino, tubikoleko bbugwe n'ebigo, enzigi n'ebisiba; ensi ekyali mu maaso gaffe, kubanga tunoonyezza Mukama Katonda waffe; tumunoonyezza, naye atuwadde okuwummula enjuyi zonna. Awo ne bazimba ne balaba omukisa.
- 8 Era Asa yalina eggye abaakwatanga engabo n'amafumu, abaava mu Yuda obusiriivu busatu; n'abaava mu Benyamini abaakwatanga engabo ne banaanuula emitego, obusiriivu bubiri mu obukumi munaana: abo bonna basajja ba maanyi abazira.
- 9 Zeera Omwesiyopya n'abatabaala ng'alina eggye kakadde n'amagaaii ebikumi bisatu; n'ajja e Malesa.
- 10 Awo Asa n'afuluma okumusisinkana, ne basimba ennyiriri mu kiwonvu Zefasa e Malesa.
- 11 Asa n'akaabira Mukama Katonda we n'ayogera nti Mukama, tewali muyambi akwenkana ggwe wakati w'abalina (abalwany) abangi, n'abo abatalina maanyi: tuyambe, ai Mukama Katonda waffe; kubanga tukwesiga, ne mu linnya lyo mwe tutabaalidde ekibiina kino. Ai Mukama, ggwe Katonda waffe; omuntu aleme okukusinga.
- 12 Awo Mukama n'akuba Abaesiyopya mu maaso ga Asa ne mu maaso ga Yuda; Abaesiyopya ne badduka.
- 13 Asa n'abantu be abaali naye ne babacocca ne babatuusa e Gerali: ne kugwa ku Baesiyopya bangi bwe batyo n'okuyinza ne batayinza kuddamu amaanyi; kubanga baazikirizibwa mu maaso ga Mukama ne mu maaso g'eggwe lye; ne banyaga omunyago mungi nnyo.
- 14 Ne bakuba ebibuga byonna ebyetoolodde Gerali; kubanga entiisa ya Mukama yabatuukako: ne banyaga ebibuga byonna: kubanga byalimu omunyago mungi.
- 15 Era ne bakuba eweema ez'ente, ne banyaga endiga nnyingi nnyo n'eamira, ne baddayo e Yersaalemi.

Essuula 15

- 1 Omwoyo gwa Katonda ne gujja ku Azaliya mutabani wa Odedi:
- 2 n'afuluma okusisinkana Asa n'amugamba nti Mumpulire, mmwe Asa ne Yuda yenna ne Benyamini: Mukama ali nammwe bwe munaabanga naye; era bwe

munaamunoonyanga, munaamulabanga; naye bwe munaamuvangako, anaabavangako mmwe.

- 3 Era ebiro bingi Isiraeri nga talina Katonda ow'amazima era nga talina kabona ayigiriza era nga talina mateeka:
- 4 naye bwe baakyukira Mukama Katonda wa Isiraeri nga balabye ennaku ne bamunoonya, ne balyoka bamulaba.
- 5 Ne mu biro ebyo nga tewali mirembe eri oyo eyafulumanga newakubadde eri oyo eyayingiranga, naye okweraliikirira kungi ne kuba ku bonna abaatuula mu nsi ezo.
- 6 Ne bamenyekamenyeka, eggwanga nga lirumba ggwanga linnaalyo, n'ekibuga nga kirumba kibuga kinnaakyo: kubanga Katonda yabeeraliikiriza ng'abalabya ennaku zonna.
- 7 Naye mubenga n'amaanyi, so n'emikono gyammwe tegiddiriranga: kubanga omulimu awammwe guliweebwa empeera.
- 8 Awo Asa bwe yawulira ebigambo ebyo, n'ebyo Odedi nnabbi bye yalagula, n'aguma omwoyo n'aggyawo eby'emizizo byonna mu nsi yonna eya Yuda ne Benyamini ne mu bibuga bye yaggya ku nsi ey'ensozi eya Efulayimu; n'azza obuggya ekyoto kya Mukama ekyali mu maaso g'ekisasi kya Mukama.
- 9 N'akuaanya Yuda yenna ne Benyamini n'abo abaabeeranga nabo abaava mu Efulayimu ne Manase ne mu Simyoni: kubanga baamusenga bangi nnyo nga bava mu Isiraeri, bwe baalaba nga Mukama Katonda we ali naye.
- 10 Awo ne bakuaanira e Yerusaalemi mu mwezi ogw'okusatu mu mwaka, ogw'ekkumi n'etaano ogw'okufuga kwa Asa.
- 11 Ne baweerayo ku lunaku olwo eri Mukama nga baggya ku munyago gwe baaleeta ente lusavvu n'endiga kasanvu.
- 12 Ne bayingira mu ndagaano okunoonya Mukama Katonda wa bajjajjaabwe n'omutima gwabwe gwonna n'emmeeme yaabwe yonna;
- 13 era buli atakkirizenga kunoonya Mukama Katonda wa Isiraeri attibwenga, oba muto oba mukulu, oba musajja oba mukazi.
- 14 Ne balayirira Mukama n'eddoboozi ddene n'okwogerera waggulu n'amakondeere n'eombe.
- 15 Yuda yenna ne basanyukira ekirayiro ekyo: kubanga baali balayidde n'omutima gwabwe gwonna ne bamunoonya n'okwagala kwabwe kwonna; ne bamulaba: Mukama n'abawa okuwummula enjuyi zonna.
- 16 Era ne Maaka nnyina Asa kabaka n'amugoba mu bwannamasole kubanga yali akoze ekifaananyi ky'omuzizo okuba Asera; Asa n'atema ekifaananyi kye n'akifuula nfuufu n'akyokera ku kagga Kidulooni.
- 17 Naye ebifo ebigulumivu ebyaggibwawo mu Isiraeri: naye mutima gwa Asa gwatuukirira ennaku ze zonna.
- 18 N'ayingiza mu nnyumba ya Katonda ebintu kitaawe bye yawonga n'ebintu bye yawonga ye yennyini, effeeza n'ezaabu n'ebintu.
- 19 Ne watabanga ntalo nate okutuusa omwaka ogw'asatu mu etaano ogwa Asa.

Essuula 16

- 1 Awo mu mwaka ogw'asatu mu mukaaga ogw'okufuga kwa Asa, Baasa kabaka wa Isiraeri n'atabaala Yuda, n'azimba Laama obutaganya muntu kufulumu newakubadde okuyingira eri Asa kabaka wa Yuda.
- 2 Awo Asa n'aggya effeeza n'ezaabu mu by'obugagga eby'omu nnyumba ya Mukama n'eby'omu nnyumba ya kabaka, n'atumira Benikadadi kabaka w'e Busuuli eyabeeranga e Ddamasiko, ng'ayogera nti

- 3 Waliwo endagaano eri nze naawe, nga bwe yali eri kitange ne kitaawo: laba, nkuweerezza ffeeza n'enzaabu: genda omenye endagaano yo eri Baasa kabaka wa Isiraeri anveeko.
- 4 Awo Benikadadi n'awulira kabaka Asa, n'atuma abakulu b'eggye lye okulumba ebibuga bya Isiraeri; ne bakuba Iyoni ne Ddaani ne Aberumayimu n'ebibuga byonna eby'okuterekeramu ebya Nafutaali.
- 5 Awo lolwatuuka Baasa bwe yakiwulira n'aleka okuzimba Laama n'akomya omulimu gwe.
- 6 Awo kabaka Asa n'amenya Yuda yenna; ne baggyawo amayinja ag'e Laama n'emiti gyakyo. Baasa bye yazimbya; n'abizimbya Geba ne Mizupa.
- 7 Era mu biro ebyo Kanani omulabi n'ajja eri Asa kabaka wa Yuda n'amugamba nti Kubanga weesiga kabaka w'e Busuuli n'oteesiga Mukama Katonda wo, eggye lya kabaka w'e Busuuli kye livudde liwona mu mukono gwo.
- 8 Abaesiyopya n'Abalubimu tebaali ggye ddene kitalo, nga baalina amagaali n'abeeba-gala embalaasi bangi nnyo nnyini? naye kubanga weesiga Mukama, yabagabula mu mukono gwo.
- 9 Kubanga amaaso ga Mukama gatambulatambula wano ne wali okubuna ensi zonna, okweraga bw'ali ow'amaanyi eri abo abalina omutima ogutuukiridde gy'ali. Mu kino okoze eky'obusirusiru; olw'ekyo okuva leero ojja kubanga n'entalo.
- 10 Awo Asa n'alyoka asunguwalira omulabi, n'amuteeka mu nju ey'ekkomera; kubanga yali amuliko ekiruyi olw'ekigambo ekyo. Asa n'ajooga abamu ku bantu mu biro ebyo.
- 11 Era, laba, ebikolwa bya Asa ebyasooka n'ebyamalirwako, laba, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Yuda ne Isiraeri.
- 12 Ne mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwenda ogw'okufuga kwe Asa n'alwala ebigere; endwadde ye n'enyiikira nnyo: naye bwe yalwala n'atagenda eri Mukama naye eri abasawo.
- 13 Asa ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'afira mu mwaka ogw'ana mu gumu ogw'okufuga kwe.
- 14 Ne bamuziika mu ntaana ze ye ze yeebajjira mu kibuga kya Dawudi, ne bamuteeka ku kitanda ekyajjula eby'akaloosa ebiwoomerevu n'envumbo ez'engeri nnyingi, ebyalon-goosebwa n'amagezi g'abafumbi ba kalifuwa: ne bamunyookereza bingi nnyo nnyini.

Essuula 17

- 1 Yekosafaati mutabani we n'afuga mu kifo kye, ne yeenyweza okulwana ne Isiraeri.
- 2 N'ateeka eggye mu bibuga byonna ebiriko enkomera ebya Yuda n'ateeka ebigo mu nsi ya Yuda ne mu bibuga bya Efulayimu, Asa kitaawe bye yalya.
- 3 Mukama n'aba ne Yekosafaati, kubanga yatambuliranga mu makubo ag'olubereberye aga kitaawe Dawudi n'atagenda eri ba Baali;
- 4 naye n'agendanga eri Katonda wa kitaawe, n'atambulira mu mateeka ge so si ng'ebikolwa bya Isiraeri bwe byali.
- 5 Mukama kyeyava anyweza obwakabaka mu mukono gwe; Yuda yenna n'aleetera Yekosafaati ebirabo; n'aba n'obugagga n'ekitiibwa kingi nnyo.
- 6 Omutima gwe ne gugulumizibwa mu makubo ga Mukama: era n'aggyawo ebifo ebigulumivu ne Baasera mu Yuda.
- 7 Era mu mwaka ogw'okusatu ogw'okufuga kwe n'atuma abakungu be, Benikayiri ne Obadiya ne Zekkaliya ne Nesaneeri ne Mikaaya okuyigiriza mu bibuga bya Yuda;
- 8 era wamu nabo Abaleevi, Semaaya ne Nesaniya ne Zebadiya ne Asakeri ne Semi-ramoosi ne Yekonasaani ne Adoniya ne Tobbiya ne Tobadoniya, Abaleevi; era wamu

nabo Erisaama ne Yekolaamu, bakabona.

- 9 Ne bayigiriza mu Yuda nga balina ekitabo eky'amateeka ga Mukama; ne batambulanga okubuna ebibuga byonna ebya Yuda ne bayigiriza mu bantu.
- 10 Entiisa ya Mukama n'egwa ku bwakabaka bwonna obw'ensi ezeetoolodde Yuda, n'okulwana ne batalwana ne Yekosafaati.
- 11 Abamu ku Bafirisuuti ne baleetera Yekosafaati ebirabo ne ffeeza okuba omusolo; era n'Abawalabu ne bamuleetera embuzi, endiga ennume kasanvu mu lusanvu, n'embuzi ennume kasanvu mu lusanvu.
- 12 Yekosafaati n'aba mukulu nnyo nnyini; n'azimba mu Yuda ebigo n'ebibuga eby'okuterekeramu.
- 13 Era yalina emirimu mingi mu bibuga bya Yuda; n'abasajja abalwanyani n'abasajja ab'amaanyi abazira mu Yerusalemi.
- 14 Era kuno kwe kwali okubalibwa kwabwe ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali; ku Yuda abaami b'enkumi; Aduna omwami, era wamu naye abasajja ab'amaanyi abazira obusiriivu busatu:
- 15 n'eyamuddirira Yekakanani omwami, era wamu naye obusiriivu bubiri mu obukumi munaana:
- 16 n'eyamuddirira Amasiya mutabani wa Zikuli, eyeewaayo ku bubwe eri Mukama; era wamu naye abasajja ab'amaanyi abazira obusiriivu bubiri:
- 17 ne ku Benyamini; Eriyada omusajja ow'amaanyi omuzira, era wamu naye obusiriivu bubiri, abaakwatanga emitego n'engabo:
- 18 n'eyamuddirira Yekozabadi, era wamu naye akasiriivu mu obukumi munaana, abeeteeseese okulwana.
- 19 Abo be baaweerezanga kabaka, obutassaako abo kabaka be yateeka mu bibuga ebyaliko enkomera okubuna Yuda yonna.

Essuula 18

- 1 Era Yekosafaati yalina obugagga n'ekitiibwa kingi nnyo nnyini; n'afuuka mukoddomi wa Akabu.
- 2 Awo emyaka bwe gyayitawo n'aserengeta eri Akabu e Samaliya. Akabu n'amuttira endiga n'ente nyingi nnyo, ye n'abantu abaali naye, n'amusemberera okutabaala e Lamosugireyaadi (wamu naye).
- 3 Awo Akabu kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati kabaka wa Yuda nti Onoogenda nange e Lamosugireyaadi? Awo n'amuddamu nti Nze ninga ggwe bw'oli, n'abantu bange ng'abantu bo; era (tunaabanga) wamu naawe mu ntalo ezo.
- 4 Awo Yekosafaati n'agamba kabaka wa Isiraeri nti Nkwegayiridde, buuza ekigambo kya Mukama leero.
- 5 Awo kabaka wa Isiraeri n'akuaanya bannabbi abasajja ebikumi bina, n'abagamba nti Tutabaale e Lamosugireyaadi nantiki ndekeyo? Ne boogera nti Yambuka; kubanga Katonda alikigabula mu mukono gwa kabaka.
- 6 Naye Yekosafaati n'ayogera nti Tewali wano nate nnabbi wa Mukama, tumubuuzeeeko?
- 7 Kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati nti Waliwo nate omusajja omu gwe tuyinza okubuulizaamu Mukama: naye mmukyawa; kubanga tandagulangako birungi wabula ebibi ebyereere; oyo ye Mikaaya mutabani wa Imula. Yekosafaati n'ayogera nti Kabaka aleme okwogera bw'atyo.
- 8 Awo kabaka wa Isiraeri n'ayita omumbowa n'ayogera nti Yanguwa okime Mikaaya mutabani wa Imula.
- 9 Era kabaka wa Isiraeri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne batuula buli muntu ku ntebe

ye nga bambadde ebyambalo byabwe, nga batudde mu mbuga eri ku mulyango gwa wankaaki w'e Samaliya; bannabbi bonna ne balagula mu maaso gaabwe.

- 10 Awo Zeddekiya mutabani wa Kenaana ne yeekolera amayembe ag'ebyumama n'ayogera nti bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Olitomera Abasuuli na gano okutuusa lwe bali-malibwawo.
- 11 Ne bannabbi bonna ne balagula bwe batyo, nga boogera nti Yambuka e Lamosugireyaadi olabe omukisa: kubanga Mukama alikigabula mu mukono gwa kabaka.
- 12 Awo omubaka eyagenda okuyita Mikaaya n'amugamba nti Laba, ebigambo bya bannabbi bimubuulira kabaka ebirungi n'akamwa kamu: nkwegayiridde, ekigambo kyo kifaanane ekigambo ky'omu ku bo, oyogere ebirungi.
- 13 Awo Mikaaya n'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu, Katonda wange ky'anaagamba, ekyo kye nnaayogera.
- 14 Awo bwe yajja eri kabaka, kabaka n'amugamba nti Mikaaya, tutabaale e Lamosugireyaadi nantiki ndekeyo? N'ayogera nti Mwambuke mulabe omukisa; era baligabulwa mu mukono gwammwe.
- 15 Awo kabaka n'amugamba nti Naakulayiza emirundi emeka oleme okumbuulira ekigambo n'ekimu wabula amazima mu linnya lya Mukama?
- 16 N'ayogera nti Ndabye Isiraeri yenna ng'asaasaanidde ku nsozi ng'endiga ezitalina musumba: Mukama n'ayogera nti Abo tebalina mukama waabwe: baddeyo buli muntu mu nnyumba ye mirembe.
- 17 Awo kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati nti Sikugambye nga taalagule birungi eri nze wabula ebibi?
- 18 N'ayogera nti Kale muwulire ekigambo kya Mukama: ndabye Mukama ng'atudde ku ntebe ye n'eggye lyonna ery'omu ggulu nga bayimiridde ku mukono gwe ogwa ddyo ne ku gwa kkono.
- 19 Mukama n'ayogera nti Ani anaasendasenda Akabu kabaka wa Isiraeri ayambuke e Lamosugireyaadi agwe; Omu n'ayogera bwatyo; omulala n'ayogera bw'atyo.
- 20 Awo ne wafulumu omuzimu ne guyimirira mu maaso ga Mukama ne gwogera nti Nze nnaamusendasenda.
- 21 Ne gwogera nti Naifuluma ne mbeera omuzimu ogw'obulimba mu kamwa ka bannabbi be bonna. N'ayogera nti Ggwe onoomusendasenda n'okusobola onoosobola: fuluma, okole bw'otyo.
- 22 Kale nno, laba, Mukama atadde omuzimu ogw'obulimba mu kamwa ka bannabbi bo bano; era Mukama akwogeddeko akabi.
- 23 Awo Zeddekiya mutabani wa Kenaana n'asembera n'amukuba Mikaaya ku matama, n'ayogera nti Omwoyo gwa Mukama gwampitako gutya okwogera naawe.
- 24 Mikaaya n'ayogera nti Laba, oliraba ku lunaku olwo bw'oliyingira mu kisenge eky'omunda okwekweka.
- 25 Awo kabaka wa Isiraeri n'ayogera nti Mutwale Mikaaya mumuzze eri Amoni omukulu w'ekibuga n'eri Yowaasi mutabani wa kabaka;
- 26 mwogere nti Bw'atyo bw'ayogera kabaka nti Olusajja luno muluteeke mu kkomera mululiisenga emmere ey'okulaba ennaku n'amazzi ag'okulaba ennaku, okutuusa lwe ndikomawo emirembe.
- 27 Awo Mikaaya n'ayogera nti Okukomawo bw'olikomawo emirembe, Mukama nga tayogeredde mu nze. N'ayogera nti Muwulire, mmwe amawanga mwenna.
- 28 Awo kabaka wa Isiraeri ne Yekosafaati kabaka wa Yuda ne bambuka e Lamosugireyaadi.
- 29 Kabaka wa Isiraeri n'agamba Yekosafaati nti Neefuula ne nnyingira mu lutalo; naye ggwe yambala ebyambalo byo. Awo kabaka wa Isiraeri ne yeefuula ne bayingira mu lutalo.

- 30 Awo kabaka w'e Busuuli yali alagidde abaami b'amagaali ge ng'ayogera nti Temulwana na bato newakubadde abakulu, wabula kabaka wa Isiraeri yekka.
- 31 Awo olwatuuka abaami b'amagaali bwe baalaba Yekosafaati ne boogera nti Mazima ye kabaka wa Isiraeri; kyebaava bakyama okulwana naye: naye Yekosafaati n'ayogera waggulu, Mukama n'amuyamba; Katonda n'abamuggyako.
- 32 Awo olwatuuka abaami b'amagaali bwe baalaba nga si ye kabaka wa Isiraeri, kale ne bakomawo okumugoberera.
- 33 Awo ne wabaawo omuntu eyanaanuula omutege gwe nga tagenderedde, n'alasa kabaka wa Isiraeri ebyambalo bye eby'ebyuma we bigattira: kyeyava agamba omugoba w'eggali lye nti Kyusa omukono gwo onziye mu ggye; kubanga nfumitiddwa nnyo.
- 34 Olutalo ne lweyongera ku lunaku olwo: naye kabaka wa Isiraeri ne yeekakaabiriza mu ggaali lye okulwana n'Abasuuli, okutuusa akawungeezi: awo enjuba bwe yali ng'egwa n'afa.

Essuula 19

- 1 Awo Yekosafaati kabaka wa Yuda n'akomawo mu nnyumba ye mirembe e Yerusaalemi.
- 2 Yeeku mutabani wa Kanani omulabi n'afuluma okumusisinkana n'agamba kabaka Yekosafaati nti Kirungi ggwe okuyamba ababi n'obaagala abo abakyawa Mukama? olw'ekigambo ekyo obusungu bukuliko obuva mu maaso ga Mukama.
- 3 Naye mu ggwe mulabise ebirungi, kubanga waggyawo Baaserosi mu nsi, n'okakasa omutima gwo okunoonya Katonda.
- 4 Awo Yekosafaati n'abeeranga e Yerusaalemi: n'afuluma nate mu bantu okuva e Beeruseba okutuuka mu nsi ey'ensozi eya Efulayimu, n'abakomyawo eri Mukama Katonda wa bajjajjaabwe.
- 5 N'assaawo abalamuzi mu nsi okubuna ebibuga byonna ebiriko enkomera ebya Yuda, buli kibuga kinnakimu,
- 6 n'agamba abalamuzi nti Mulowooze bye mukola: kubanga temulamulira bantu wabula Mukama; era ye ali wamu nammwe mu kusala emisango.
- 7 Kale nno entiisa ya Mukama ebeere ku mmwe; mwekuume mukole bwe mutyo: kubanga tewali butali butuukirivu eri Mukama Katonda waffe newakubadde okusosola mu bantu newakubadde okulya enguzi.
- 8 Era mu Yerusaalemi Yekosafaati mwe yassa ku Baleevi ne bakabona ne ku mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza Isiraeri olw'okulamula kwa Mukama n'olw'empaka. Ne bakomawo e Yerusaalemi.
- 9 Awo n'abakuutira ng'ayogera nti Bwe mutyo bwe muba mukola mu ntiisa ya Mukama n'obwesigwa era n'omutima ogwatuukirira.
- 10 Era baganda bammwe abali mu bibuga byabwe bwe banaaleetanga gye muli okukaayana kwonna, eruuyi omusaayi n'eruuyi omusaayi, eruuyi etteeka n'eruuyi ekiragirowo, eruuyi ebyakuutirwa n'eruuyi emisango, munaabalabulanga baleme okuzza omusango eri Mukama, obusungu ne bujja bwe butyo ku mmwe ne ku baganda bammwe: mukolenga bwe mutyo obutabaako musango.
- 11 Era, laba, Amaliya kabona omukulu yabafuga mu bigambo byonna ebya Mukama; ne Zebadiya mutabani wa Isiraeri, omukulu w'ennyumba ya Yuda, mu bigambo byonna ebya kabaka: era n'Abaleevi banaabanga baami mu maaso gammwe. Mube n'amaanyi mukole, era Mukama ayambenga abakozi b'obulungi.

Essuula 20

- 1 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo abaana ba Mowaabu n'abaana ba Amoni era wamu nabo abamu ku Bamoni ne batabaala Yekosafaati okulwana naye.
- 2 Awo ne wajja abantu abaamugamba Yekosafaati nti Eggye ddene likutabadde eriva emitala w'ennyanja e Busuuli; era, laba, bali mu Kazazonutamali (ye Engedi).
- 3 Yekosafaati n'atya ne yeeteekateeka okunoonya Mukama; n'alangira okusiiba mu Yuda yonna.
- 4 Yuda ne bakuaana okunoonya okubeerwa eri Mukama: baaviira ddala mu bibuga byonna ebya Yuda okunoonya Mukama.
- 5 Yekosafaati n'ayimirira mu kkuaaniro lya Yuda ne Yersaalemi mu nnyumba ya Mukama mu maaso g'oluggya oluggya;
- 6 n'ayogera nti Ai Mukama Katonda wa bajjajaffe, toli Katonda mu ggulu? era si ggwe ofuga obwakabaka bwonna obw'amawanga? ne mu mukono gwo mwe muli obuyinza n'amaanyi n'okubaawo ne watabaawo ayinza okukuziyiza.
- 7 Ai Katonda waffe, si ggwe wagoba abaali mu nsi eno mu maaso g'abantu bo Isiraeri, n'ogiwa ezzadde lya Ibulayimu mukwano gwo emirembe gyonna?
- 8 Ne babeera omwo, era bakuzimbide omwo ekiggwa olw'erinnya lyo, nga boogera nti
- 9 Obubi bwe bunaatutuukangako, ekitala, omusango, oba lumbe oba njala, tunaayimiri-ranga mu maaso g'ennyumba eno ne mu maaso go, (kubanga erinnya lyo liri mu nnyumba eno,) ne tukukaabira nga tulabye ennaku, naawe oliwulira n'olokola.
- 10 Kale nno tunuulira abaana ba Amoni ne Mowaabu n'ab'oku lusozi Seyiri be wagaana Isiraeri okutabaala bwe baava mu nsi y'e Misiri, naye ne bakyama okubavaako ne batabazikiriza;
- 11 laba, bwe batusasula, okujja okutugoba mu butaka bwo bw'otuwadde okulya.
- 12 Ai Katonda waffe, tolibasalira musango? kubanga tetulina maanyi n'akatono eri eggye lino eddene eritutabade: so tetumanyi bwe tuba tukola; naye amaaso gaffe gaku-tunuulira ggwe.
- 13 Yuda yenna ne bayimirira mu maaso ga Mukama nga balina abaana baabwe abato, ne bakazi baabwe, n'abaana baabwe.
- 14 Awo omwoyo gwa Mukama ne gujja ku Yakaziyeeri mutabani wa Zekkaliya mutabani wa Benaya mutabani wa Yeyeri mutabani wa Mattaniya Omuleevi ow'oku batabani ba Asafu wakati mu kibiina;
- 15 n'ayogera nti Muwulire, mmwe Abayuda mwenna, nammwe ababeera mu Yersaalemi, naawe, kabaka Yekosafaati: bw'atyo bw'abagamba Mukama nti Temutya mmwe so temukeentererwa olw'eggwe lino eddene; kubanga olutalo si lwammwe naye lwa Katonda.
- 16 Enkya muserengete mulwane nabo: laba, bambukira awalinyirwa e Zizi; nammwe mulibasanga ekiwonvu we kisibuka mu maaso g'eddungu Yerweri.
- 17 Temulyetaaga kulwana mu lutalo luno: mwesimbe muyimirire buyimirizi mulabe obulokozi bwa Mukama obuli nammwe, ggwe Yuda ne Yersaalemi: temutya so temukeentererwa: enkya mubatabaale; kubanga Mukama ali nammwe.
- 18 Awo Yekosafaati n'avuunama amaaso ge ku ttaka: ne Yuda yenna n'ababeera mu Yersaalemi ne bavuunama mu maaso ga Mukama, nga basinza Mukama.
- 19 Abaleevi ab'oku baana b'Abakokasi n'ab'oku baana b'Abakola ne bayimirira okuten-dereza Mukama Katonda wa Isiraeri n'eddobozi ddene nnyo nnyini.
- 20 Ne bagolokoka enkya mu makya ne bafuluma mu ddungu ery'e Tekowa: awo bwe baali nga bafuluma Yekosafaati n'ayimirira n'ayogera nti Mumpulire, mmwe Abayuda nammwe ababeera mu Yersaalemi; mukkirize Mukama Katonda wammwe, bwe

mutyo bwe munaanywezebwa; mukkirize bannabbi be, bwe mutyo bwe munaalaba omukisa.

- 21 Awo bwe yamala okuteesa n'abantu, n'assaawo abo abanaayimbira Mukama ne baten-dereza obulungi bw'obutukuvu nga bafuluma nga bakulembede eggye ne boogera nti Mwebaze Mukama; kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 22 Awo bwe baatanula okuyimba n'okutendereza, Mukama n'ateekawo abateezi okuteega abaana ba Amoni ne Mowaabu n'ab'oku lusozi Seyiri, abaali batabadde Yuda; ne bakubibwa.
- 23 Kubanga abaana ba Amoni ne Mowaabu baalumba ab'oku lusozi Seyiri, okubatta n'okubazikiriza ddala: awo bwe baamalira ddala ab'oku lusozi Seyiri, buli muntu ne beegatta okuzikiriza munne.
- 24 Awo Yuda bwe baatuuka ku kigo ekikumirwako eky'omu ddungu, ne batunuulira eggye, kale, laba, nga mirambo egigudde wansi, so tewaali abaawona.
- 25 Awo Yekosafaati n'abantu be bwe baatuuka okubaggyako omunyago, ne basanga mu bo obugagga bungi n'emirambo n'ebintu eby'omuwendo omungi, bye beeyambulira bokka, obungi bwabyo ne bibalema okutwala: ne bamala ennaku ssatu nga banyaga omunyago, bwe gwali mungi bwe gutyo.
- 26 Awo ku lunaku olw'okuna ne bakuaanira mu kiwonvu Beraka; kubanga eyo gye beebaliza Mukama: ekifo ekyo kyekyava kituumibwa erinnya kiwonvu Beraka ne leero.
- 27 Awo ne baddayo, buli muntu owa Yuda n'ow'e Yerusaalemi, Yekosafaati ng'abakulembede, okuddayo e Yerusaalemi nga basanyuse; kubanga Mukama abawadde okusanyukira abalabe baabwe.
- 28 Ne bajja e Yerusaalemi nga balina entongooli n'ennanga n'amakondeere eri ennyumba ya Mukama.
- 29 Entiisa ya Katonda n'eba ku bwakabaka bwonna obw'ensi bwe baawulira Mukama ng'alwana n'abalabe ba Isiraeri
- 30 Awo amatwale ga Yekosafaati ne gatereera: kubanga Katonda we yamuwa okuwum-mula enjuyi zonna.
- 31 Yekosafaati n'afuga Yuda: yali yaakamaze emyaka amakumi asatu mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi abiri mu etaano mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Azuba muwala wa Siruki.
- 32 N'atambulira mu kkubo lya Asa kitaawe, n'atakyama okulivaamu, ng'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi.
- 33 Era naye ebifo ebigulumivu tebyaggibwawo; so n'abantu nga tebannaba kukakasa mitima gyabwe eri Katonda wa bajjajjaabwe.
- 34 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yekosafaati, ebyasooka n'ebyamalirwako, laba, byawandiikibwa mu bigambo bya Yeeku mutabani wa Kanani, ebyayingizibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isiraeri.
- 35 Awo oluvannyuma lw'ebyo Yekosafaati ne yeegatta ne Akaziya kabaka wa Isiraeri; oyo n'akola bubu nnyo:
- 36 ne yeegatta naye okusiba ebyombo eby'okugenda e Talusiisi: ne basibira ebyombo e Ezyonigeba.
- 37 Awo Eryeza mutabani wa Dodavaku ow'e Malesa n'alagula ku Yekosafaati ng'ayogera nti Kubanga weegasse ne Akaziya, Mukama azikirizza emirimu gyo. Ebyombo ne bimenyeka n'okuyinza ne bitayinza kugenda e Talusiisi.

Essuula 21

- 1 Awo Yekosafaati ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe n'aziikibwa wamu ne bajjajjaabe

- mu kibuga kya Dawudi: Yekolaamu mutabani we n'afuga mu kifo kye.
- 2 Era yalina ab'oluganda batabani ba Yekosafaati, Azaliya ne Yekyeri ne Zekkaliya ne Azaliya ne Mikayiri ne Sefatiya: abo bonna batabani ba Yekosafaati kabaka wa Isiraeri.
 - 3 Kitaabwe n'abawa ebirabo ebikulu, zaabu ne ffeeza n'ebintu eby'omuwendo omungi, n'ebibuga ebiriko enkomera mu Yuda: naye obwakabaka n'abuwa Yekolaamu, kubanga ye yali omubereberye.
 - 4 Awo Yekolaamu bwe yamala okulinyisibwa mu bwakabaka bwa kitaawe, era nga yeenywezezza n'alyoka atta baganda be bonna n'ekitala n'abamu ab'oku bakulu ba Isiraeri.
 - 5 Yekolaamu yali yaakamaze emyaka amakumi asatu mu ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka munaana mu Yerusaalemi.
 - 6 N'atambulira mu kkubo lya bassekabaka ba Isiraeri ng'ennyumba ya Akabu bwe baakolanga: kubanga yafumbirwa muwala wa Akabu: n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi.
 - 7 Naye Mukama teyayagala kuzikiriza nnyumba ya Dawudi olw'endagaano gye yalagaana ne Dawudi, era nga bwe yasuubiza okumuwa ettabaaza n'abaana be emirembe gyonna.
 - 8 Ku mirembe gye Edomu n'ajeema okuva wansi w'omukono gwa Yuda, ne beeteekera awo kabaka.
 - 9 Awo Yekolaamu n'asomoka n'abaami be n'amagaali ge gonna wamu naye: n'agolokoka kiro n'akuba Abaedomu abaamuzingiza, n'abaami b'amagaali.
 - 10 Awo Edomu n'ajeema okuva wansi w'omukono gwa Yuda ne leero. Awo Libuna n'ajeema mu biro ebyo wansi w'omukono gwe kubanga yali avudde ku Mukama, Katonda wa bajjajjaabe.
 - 11 Era nate n'akola ebifo ebigulumivu ku nsozi za Yuda, n'ayenza abaabeeranga mu Yerusaalemi, n'akyamya Yuda.
 - 12 Awo ne wamujjira ekiwandiike ekyava eri Eriya nnabbi ekyogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Dawudi kitaawo nti Kubanga totambulidde mu makubo ga Yekosafaati kitaawo newakubadde mu makubo ga Asa kabaka wa Yuda;
 - 13 naye n'otambulira mu kkubo lya bassekabaka ba Isiraeri, n'oyenza Yuda n'ababeera mu Yerusaalemi, ng'ennyumba ya Akabu bwe yakola; era, n'okutta watta baganda bo ab'omu nnyumba ya kitaawo, abaakusinga obulungi:
 - 14 laba, Mukama alirwaza abantu bo kawumpuli mungi n'abaana bo ne bakazi bo n'ebintu byo byonna:
 - 15 naawe oliba n'endwadde nnyingi ebyenda byo nga; birwadde okutuusa ebyenda byo lwe birikuvaamu olw'endwadde eya buli lunaku.
 - 16 Awo Mukama n'akubiriza omwoyo gw'Abafirisuuti eri Yekolaamu, n'ogw'Abawalabu abaliraanye Abaesiyopya:
 - 17 ne batabaala Yuda, ne bakiwagula ne bayingiramu ne banyaga ebintu byonna ebyalabika mu nnyumba ya kabaka ne batabani be ne bakazi be; ne watamusigalirawo mwana n'omu wabula Yekoyakaazi omuto ow'oku baana be,
 - 18 Awo oluvannyuma lw'ebyo byonna Mukama n'amulwaza ebyenda endwadde ete-wonyezeka.
 - 19 Awo olwatuuka ebiro bwe byayitawo emyaka ebiri nga giwedde ebyenda bye ne bimuvaamu olw'endwadde ye n'afa endwadde nnyingi. Abantu be ne batamunyookereza ng'okunyookeza kwa bajjajjaabe.
 - 20 Yali yaakamaze emyaka amakumi asatu mu ebiri bwe yatanula okufuga, n'afugira emyaka munaana mu Yerusaalemi: n'agenda nga tewali amwegomba; ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi, naye si mu masiro ga bassekabaka.

Essuula 22

- 1 Awo abaabeeranga mu Yerusaalemi ne bafuula Akaziya omwana we omuto kabaka mu kifo kye: kubanga ekibiina ky' abasajja abajja n' Abawalabu mu lusiisira baali basse abakulu bonna. Awo Akaziya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda n' afuga.
- 2 Akaziya yali yaakamaze emyaka amakumi ana mu ebiri bwe yatanula okufuga; n' afugira omwaka gumu mu Yerusaalemi. Ne nnyina erinnya lye yali Asaliya muwala wa Omuli.
- 3 Era naye n' atambulira mu makubo g' ennyumba ya Akabu: kubanga nnyina ye yamuweereranga okukola obubi.
- 4 N' akolanga ebyali mu maaso ga Mukama ebibi ng' ennyumba ya Akabu bwe baakolanga: kubanga abo be baamuweereranga, kitaawe ng' amaze okufa, okumuzikiriza.
- 5 Era yatambulanga ng' okuteesa kwabwe bwe kwali n' agenda ne Yekolaamu mutabani wa Akabu kabaka wa Isiraeri okulwana ne Kazayeeri kabaka w' e Busuuli e Lamosugireyaadi: Abasuuli ne bafumita Yolaamu ekiwundu.
- 6 Awo n' akomawo okuwonera e Yezuleeri ebiwundu bye baamufumitira e Laama bwe yalwana ne Kazayeeri kabaka w' e Busuuli. Azaliya mutabani wa Yekolaamu kabaka wa Yuda n' aserengeta okulambula Yekolaamu mutabani wa Akabu e Yezuleeri kubanga alwadde:
- 7 Era okuzikirira kwa Akaziya kwava eri Katonda, kubanga yagenda eri Yolaamu: kubanga bwe yajja, n' agenda ne Yekolaamu eri Yeeku mutabani wa Nimusu Mukama gwe yali afuseeko amafuta okumalawo ennyumba ya Akabu.
- 8 Awo olwatuuka Yeeku bwe yali ng' akomekkereza omusango ku nnyumba ya Akabu n' asanga abakulu ba Yuda n' abaana ba baganda ba Akaziya nga baweereza Akaziya, n' abatta.
- 9 N' anoonya Akaziya ne bamukwata, (era yali nga yeekwese mu Samaliya,) ne bamuleeta eri Yeeku ne bamutta; ne bamuziika, kubanga baayogera nti Ye mutabani wa Yekosafaati eyanoonya Mukama n' omutima gwe gwonna. Ennyumba ya Akaziya n' eteba na maanyi okunyweeza obwakabaka.
- 10 Awo Asaliya nnyina Akaziya bwe yalaba omwana we ng' afudde, n' agolokoka n' azikiriza ezzadde lyonna erya kabaka ery' ennyumba ya Yuda.
- 11 Naye Yekosabeyaasi muwala wa kabaka n' atwala Yowaasi mutabani wa Akaziya n' amubba n' amuggya mu baana ba kabaka abattibwa, n' amuteeka n' omulezi we, mu kisenge ekisulibwamu. Awo Yekosabeyaasi muwala wa kabaka Yekolaamu muka Yekoyaada kabona, (kubanga yali muganda wa Akaziya,) n' amukweka Asaliya, n' atamutta.
- 12 Awo n' abeera naye ng' akwekeddwa mu nnyumba ya Mukama n' amala emyaka mukaaga: Asaliya n' afuga ensi.

Essuula 23

- 1 Awo mu mwaka ogw' omusanvu Yekoyaada ne yeenyweza n' alagaanya abaami b' ebikumi, Azaliya mutabani wa Yerokamu ne Isimaeri mutabani wa Yekokanani ne Azaliya mutabani wa Obedi ne Maaseya mutabani wa Adaya ne Erisafaati mutabani wa Zikuli.
- 2 Awo ne batambulatangula mu Yuda ne bakuaanya Abaleevi okuva mu bibuga byonna ebya Yuda, n' emitwe gy' ennyumba za bakitaabwe eza Isiraeri, ne bajja e Yerusaalemi.
- 3 Ekibiina kyonna ne balagaana endagaano ne kabaka mu nnyumba ya Katonda. Awo

n'abagamba nti Laba, mutabani wa kabaka anaafuga, nga Mukama bwe yayogera ebya batabani ba Dawudi.

- 4 Ekigambo kino kye muba mukola: ekitundu kyammwe eky'okusatu abayingira ku ssabbiiti, ku bakabona ne ku Baleevi, banaabanga baggazi ba nzigi;
- 5 n'ekitundu eky'okusatu banaabanga ku nnyumba ya kabaka; n'ekitundu eky'okusatu banaabanga ku mulyango ogw'omusingi: n'abantu bonna banaabanga mu mpya ez'ennyumba ya Mukama.
- 6 Naye walemenga okubaawo anaayingira mu nnyumba ya Mukama wabula bakabona n'abo ab'oku Baleevi abaweereza; abo banaayingiranga, kubanga batukuvu: naye abantu bonna banaakwatanga okukuuma kwa Mukama.
- 7 Era Abaleevi baneetooloolanga kabaka enjuyi zonna, buli muntu ng'akutte ebyokulwanyisa bye mu mukono gwe; n'oyo anaayingiranga mu nnyumba attibwe: era mubenga ne kabaka bw'anaafulumanga era bw'anaayingiranga.
- 8 Awo Abaleevi ne Yuda yenna ne bakola nga bwe biri Yekoyaada kabona by'alagidde: ne batwala buli muntu abasajja be, ab'okuyingira ku ssabbiiti wamu n'ab'okufulumama ku ssabbiiti; kubanga Yekoyaada kabona teyasiibula mpalo.
- 9 Awo Yekoyaada kabona n'awa abaami b'ebikumi amafumu n'obugabo n'engabo ebyali ebya kabaka Dawudi, ebyali mu nnyumba ya Katonda.
- 10 Awo n'assaawo abantu bonna, buli muntu ng'akutte ekyokulwanyisa kye mu mukono gwe, okuva ku luuyi lw'ennyumba olwa ddyo okutuuka ku luuyi lw'ennyumba olwa kkono, okuliraana ekyoto n'ennyumba awali kabaka enjuyi zonna.
- 11 Awo ne bafulumya omwana wa kabaka ne bamutikkira engule ey'obwakabaka ne bamuwa obujulirwa; ne bamufuula kabaka, Yekoyaada ne batabani be ne bamufukako amafuta; ne boogera nti Kabaka abe mulamu.
- 12 Awo Asaliya bwe yawulira oluyoogaano lw'abantu, nga baddukana era nga baten-dereza kabaka, n'ajja eri abantu mu nnyumba ya Mukama:
- 13 n'atunula, kale, laba, kabaka ng'ayimiridde awali empagi ye awayingirirwa, n'abaami n'amakondeere nga baliraanye kabaka; n'abantu bonna ab'ensi eyo ne basanyuka ne bafuuwa amakondeere; era n'abayimbi nabo ne bakuba ebintu ebivuga ne baleetereza oluyimba olw'okutendereza. Awo Asaliya n'ayuza ebyambalo bye n'ayogera nti Bujeemu, bujeemu.
- 14 Awo Yekoyaada kabona n'afulumya abaami b'ebikumi abaatekebwawo ku ggye, n'abagamba nti Mumufulumye wakati w'ennyiriri; n'oyo anaamugoberera attibwe n'ekitala; kubanga kabona yayogera nti Temumuttira mu nnyumba ya Mukama.
- 15 Awo ne bamusegulira; n'agenda awayingirirwa mu mulyango ogw'embalaasi mu nnyumba ya kabaka: ne bamuttira eyo.
- 16 Awo Yekoyaada n'alagaana endagaano naye yennyini n'abantu bonna ne kabaka, babeerenga abantu ba Mukama.
- 17 Awo abantu bonna ne bagenda mu ssabo lya Baali, ne balimenyamenya; ebyoto bye n'ebifaananyi bye ne babimenyera ddala, ne battira Matani kabona wa Baali mu maaso g'ebiyoto.
- 18 Awo Yekoyaada n'assaawo obwami obw'oku nnyumba ya Mukama wansi w'omukono gwa bakabona Abaleevi, Dawudi be yateekateeka mu nnyumba ya Mukama okuwangayo ebiweebwayo ebyokebwa ebya Mukama, nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa, nga basanyuka era nga bayimba, nga Dawudi bwe yateekateeka.
- 19 N'assaawo abaggazi ku nzigi z'ennyumba ya Mukama, walemenga okuyingira omuntu yenna atali mulongoofu olw'ekigambo kyonna.
- 20 N'atwala abaami b'ebikumi n'abakungu n'abakulu b'abantu n'abantu bonna ab'omu nsi; n'aserengesa kabaka nga bamuggya mu nnyumba ya Mukama: ne bajja nga bafu-luma mu kkubo ery'omulyango ogw'engulu eri nnyumba ya kabaka, ne batuuza

kabaka ku ntebe y'obwakabaka.

- 21** Awo abantu bonna ab'omu nsi ne basanyuka, ekibuga ne kitereera: ne batta Asaliya n'ekitala.

Essuula 24

- 1** Yowaasi yali yaakamaze emyaka musanvu bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi ana mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Zebbiya ow'e Beeruseba.
- 2** Yowaasi n'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi ennaku zonna eza Yekoyaada kabona.
- 3** Yekoyaada n'amuwasiza abakazi babiri; n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala.
- 4** Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebyo Yowaasi n'ayagala okuddaabiriza ennyumba ya Mukama.
- 5** N'akuaanya bakabona n'Abaleevi, n'abagamba nti Mufulume mugende mu bibuga bya Yuda, musolooze ku Isiraeri yenna ffeeza ey'okuddaabiriza ennyumba ya Katonda wammwe buli mwaka, era temulema kwanguya ekigambo ekyo. Era naye Abaleevi ne batakyanguya.
- 6** Awo kabaka n'ayita Yekoyaada omukulu n'amugamba nti Kiki ekyakulobera okusalira Abaleevi okuleetanga omusolo gwa Musa omuddu wa Mukama olw'eweema ey'obujilirwa nga bagusolooza ku Yuda ne ku Yerusaalemi ne ku kibiina kya Isiraeri?
- 7** Kubanga batabani ba Asaliya, omukazi oyo omubi, baali bamenye ennyumba ya Katonda; era n'ebintu byonna ebyawongebwa eby'omu nnyumba ya Mukama ne babiwa Babaali.
- 8** Awo kabaka n'alagira ne bakola essanduuko, ne bagiteeka ebweru awali oluggi olw'ennyumba ya Mukama.
- 9** Ne balangira mu Yuda yonna ne mu Yerusaalemi okuleetera Mukama omusolo, Musa omuddu wa Katonda gwe yateeka ku Isiraeri mu ddungu.
- 10** Awo abakulu bonna n'abantu bonna ne basanyuka ne baleeta ne basuula mu ssaaduuko okutuusa lwe baamala.
- 11** Awo olwatuuka mu kiseera ekyo lwe baaleetanga essanduuko mu nju kabaka w'ateeseza ebigambo mu mukono gw'Abaleevi, era bwe baalaba nga mulimu ebintu bingi, awo omuwandiisi wa kabaka n'omuweereza wa kabona omukulu ne bajja ne baggyamu ebintu mu ssanduuko, ne bagitwala ne bagizza mu kifo kyayo. Bwe batyo bwe baakolanga buli lunaku, ne basolooza ebintu bingi nnyo.
- 12** Awo kabaka ne Yekoyaada ne bagiwa abo abaakolanga omulimu ogw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Mukama; ne bagulirira ab'amayinja n'ababazzi okuddaabiriza ennyumba ya Mukama era n'abaweesi b'ebyuma n'ab'ebikomo okuddaabiriza ennyumba ya Mukama.
- 13** Awo abakozi ne bakola omulimu ne bakamala, ne basimba ennyumba ya Katonda nga bwe kyagwanira, ne baginyweza.
- 14** Awo bwe baamalira ddala, ne baleeta ebintu ebyafikkawo mu maaso ga kabaka ne Yekoyaada, ne babikoza ebintu eby'omu nnyumba ya Mukama, ebintu ebiweereza era eby'okuwongeramu, n'ebijiiko, n'ebintu ebya zaabu ne ffeeza. Ne bawangayo ebiweebwayo ebyokebwa mu nnyumba ya Mukama obutayosanga ennaku zonna eza Yekoyaada.
- 15** Naye Yekoyaada n'akaddiwa, ng'ajjudde ennaku ng'awangadde ennaku nnyingi n'afa; yali yaakamaze emyaka kikumi mu amakumi asatu we yafiira.
- 16** Ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi mu bakabaka kubanga yakola bulungi mu Isiraeri n'eri Katonda n'ennyumba ye.
- 17** Awo oluvannyuma Yekoyaada ng'afudde abakulu ba Yuda ne bajja ne bavunamira

kabaka. Awo kabaka n'abawulira.

- 18 Ne balekanga ennyumba ya Mukama Katonda: wa bajjajjaabwe, ne baweerezanga Baasera n'ebifaananyi: obusungu ne bujja ku Yuda ne ku Yerusaalemi olw'omusango gwabwe ogwo.
- 19 Era naye n'abatumiranga bannabbi okubakomyawo eri Mukama; ne babanga bajulirwa eri bo: naye ne bataganyanga kutega matu.
- 20 Awo omwoyo gwa Katonda ne gujja ku Zekkaliya, mutabani wa Yekoyaada kabona; n'ayimirira wagguluko awali abantu n'abagamba nti Bw'atyo bw'ayogera Katonda nti Musobezanga ki ebiragirowo bya Mukama n'okuyinza ne mutayinza kulaba mukisa? kubanga mwaleka Mukama, era naye kyavudde abaleka mmwe.
- 21 Ne bamwekobaana era olw'ekiragirowo kya kabaka ne bamukubira amayinja mu luggya olw'oku nnyumba ya Mukama.
- 22 Bw'atyo Yowaasi kabaka n'atajjukira kisa kye yakolwa Yekoyaada kitaawe, naye n'atta mutabani we. Awo bwe yali ali kumpi okufa n'ayogera nti Mukama akitunuulire akivunaane.
- 23 Awo olwatuuka omwaka bwe gwayitawo eggye ery'Abasuuli ne limutabaala: ne bajja eri Yuda ne Yerusaalemi ne bazikiriza abakulu bonna ab'abantu okubamalawo mu bantu, ne baweereza omunyago gwabwe gwonna eri kabaka w'e Ddamasiko.
- 24 Kubanga eggye ery'Abasuuli lyajja nga balina ekibiina ky'abasajja ekitono; Mukama n'agabula mu mukono gwabwe eggye eddene ennyo nnyini, kubanga baali balese Mukama Katonda wa bajjajjaabwe.
- 25 Awo bwe baamuvaako (kubanga baamuleka obulwadde nga bumukutte nnyo) abaddu be ye ne bamwekobaana olw'omusaayi gwa batabani ba Yekoyaada kabona, ne bamutira ku kitanda kye n'afa: ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi, naye ne batamuziika mu masiro ga bassekabaka:
- 26 Era bano be baamwekobaana; Zabadi mutabani wa Simeyaasi omukazi Omwamoni, ne Yekozabadi mutabani wa Simulisi omukazi Omumowaabu.
- 27 Era ebya batabani be n'emigugu egyamuteekebwako bwe gyali emikulu n'okuzimba nate ennyumba ya Katonda, laba, byawandiikibwa mu bitegeeza eby'ekitabo kya bassekabaka. Amaziya mutabani we n'afuga mu kifo kye.

Essuula 25

- 1 Amaziya yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusaalemi: n'erinnya lya nnyina lyali Yekoyadaani ow'e Yerusaalemi.
- 2 N'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebigolokofu, naye si na mutima ogwatuukirira.
- 3 Awo olwatuuka obwakabaka bwe bwanywezebwa gy'ali, n'alyoka atta abaddu be abatta kabaka kitaawe.
- 4 Naye n'atatta baana baabwe, naye n'akola ng'ekyo bwe kiri ekyawandiikibwa mu mateeka ag'omu kitabo kya Musa nga Mukama bwe yalagira nti Kitaabwe talangibwanga gwa baana be okumutta, so n'abaana tebalangibwanga gwa bakitaabwe okubatta; naye buli muntu alangibwanga okwonoona kwe ye okumutta.
- 5 Era nate Amaziya n'akuaanya Yuda, n'abateekateeka ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali nga batwalibwa abaami b'enkumi n'abaami b'ebikumi, Yuda yenna ne Benyamini: n'abalaba abaakamaze emyaka amakumu abiri n'okukirawo, n'abalaba nga basajja abalonde obusiriivu busatu, abaayinza okutabaala, abaayinza okukwata effumu n'engabo.
- 6 Era n'agulirira abasajja ab'amaanyi abazira kasiriivu ng'abaggya mu Isiraeii, olwa

talanta eza ffeeza kikumi.

- 7 Naye ne wajja gy'ali omusajja wa Katonda ng'ayogera nti Ggwe kabaka, eggwe lya Isiraeri lireme okugenda naawe; kubanga Mukama taliwamu ne Isiraeri, tali wamu n'abaana bonna aba Efulayimu.
- 8 Naye bw'onooyagala okugenda, kola eby'obuzira, beera n'amaanyi olw'olutalo: Katonda alikumegga mu maaso g'abalabe; kubanga Katonda alina obuyinza okuyamba n'okumegga.
- 9 Awo Amaziya n'agamba omusajja wa Katonda nti Naye tunaakola tutya olwa talanta ekikumi ze mmaze okuwa eggwe lya Isiraeri? Omusajja wa Katonda n'addamu nti Mukama ayinza okukuwa ebisinga ennyo ebyo.
- 10 Awo Amaziya n'abaawulamu, eggwe eryali lizze gy'ali nga livudde mu Efulayimu, okuddayo ewaabwe: obusungu bwabwe kyebwava bubuubuuka ennyo eri Yuda, ne baddayo ewaabwe nga baliko ekiruyi kingi.
- 11 Awo Amaziya n'aguma omwoyo n'atabaaza abantu be n'agenda mu kiwonvu eky'omunno n'atta ku baana ab'oku Seyiri kakumi.
- 12 Abaana ba Yuda ne bawamba ne batwala kakumi abalala, ne babaleeta waggulu ku lwazi, ne babasuula wansi okuva ku bbanga ly'olwazi, n'okumenyeka ne bamenyeka.
- 13 Naye abasajja ab'omu ggwe Amaziya lye yazaayo baleme okutabaala naye, ne bagwa ku bibuga bya Yuda okuva e Samaliya okutuuka e Besukolooni, ne battamu enkumi ssatu, ne banyaga omunyago mungi.
- 14 Awo olwatuuka Amaziya bwe yakomawo ng'asse Abaedomu, n'aleeta bakatonda b'abaana ab'oku Seyiri, n'abasimba okuba bakatonda be, n'avuunama mu maaso gaabwe n'abootereza obubaane.
- 15 Obusungu bwa Mukama kyebwava bubuubuuka ku Amaziya, n'amutumira nnabbi n'amugamba nti Wagenderanga ki eri bakatonda b'abantu abataawonya bantu baabwe bo mu mukono gwo?
- 16 Awo olwatuuka bwe yali ng'ayogera naye kabaka n'amugamba nti Twali tukuyingizizza ggwe mu bateesa ne kabaka? lekera awo; wandikubiddwa lwa ki? Awo nnabbi n'alekera awo n'ayogera nti Mmanyi nga Katonda amaliridde okukuzikiriza kubanga wakola ekyo n'otowulira kuteesa kwange.
- 17 Awo Amaziya, kabaka wa Yuda, n'ateesa ebigambo n'atumira Yowaasi mutabani wa Yekoyakaazi mutabani wa Yeeku kabaka wa Isiraeri ng'ayogera nti Jjangu tulabagane n'amaaso.
- 18 Awo Yowaasi kabaka wa Isiraeri n'atumira Amaziya kabaka wa Yuda ng'ayogera nti Omwennyango ogwali ku Lebanoni gwatumira omuvule ogwali ku Lebanoni nga gwogera nti Wa muwala wo mutabani wange amufumbirwe: awo ensolo ey'omu nsiko eyali ku Lebanoni n'eyitawo n'erinyirira omwennyango.
- 19 Oyogera nti Laba, okubye Edomu; n'omutima gwo gukugulumizizza okwenyumiriza: obeere nno eka; lwaki okweyingiza mu bitali bibyo n'ofirwa, n'ogwa, ggwe ne Yuda wamu naawe?
- 20 Naye Amaziya n'atakiriza kuwulira; kubanga kyava eri Katonda abagabule mu mukono gw'abalabe baabwe, kubanga baanoonyanga bakatonda ba Edomu.
- 21 Awo Yowaasi kabaka wa Isiraeri n'atabaala; ye ne Amaziya kabaka wa Yuda ne balabaganira n'amaaso e Besusemesi ekya Yuda.
- 22 Yuda n'agobebwa mu so ga Isiraeri; ne baddukira buli muntu mu weema ye.
- 23 Awo Yekoyaasi kabaka wa Isiraeri n'awambira Amaziya kabaka wa Yuda mutabani wa Yowaasi mutabani wa Yekoyakaazi e Besusemesi, n'amuleeta e Yerusalemi n'amanyaamenya bbugwe wa Yerusalemi okuva ku mulyango gwa Efulayimu okutuuka ku mulyango ogw'oku nsonda, emikono ebikumi bina.
- 24 N'anyaga ezaabu n'effeeza yonna n'ebintu byonna ebyalabika mu nnyumba ya

Katonda wamu ne Obededomu, n'ebby'obugagga eby'omu nnyumba ya kabaka, era n'emisingo nabo, n'addayo e Samaliya

- 25 Awo Amaziya mutabani wa Yowaasi kabaka wa Yuda n'awangaala emyaka kkumi n'etaano Yowaasi mutabani wa Yekoyakaazi kabaka wa Isiraeri ng'amaze okafa.
- 26 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Amaziya, ebyasooka n'ebyamalirvako, laba, tebyawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Yuda ne Isiraeri?
- 27 Era okuva mu biro Amaziya lwe yakyuka obutagoberera Mukama ne bamwekobaana mu Yerusaalemi; n'addukira e Lakisi naye ne batuma e Lakisi okumugoberera ne bamuttira eyo.
- 28 Ne bamuleetera ku mbalaasi, ne bamuziika wamu ne bajjajjaabe mu kibuga kya Yuda.

Essuula 26

- 1 Awo abantu bonna aba Yuda ne baddira Uzziya eyali yaakamaze emyaka ekkumi n'omukaaga ne bamufuula kabaka mu kifo kya kitaawe Amaziya.
- 2 N'azimba Erosi, n'akizzaayo eri Yuda, kabaka ng'amaze okwebakira awamu ne bajjajjaabe.
- 3 Uzziya yali yaakamaze emyaka kkumi na mukaaga bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi ataano mu ebiri mu Yerusaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Yekkiriya ow'e Yerusaalemi.
- 4 N'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga byonna bwe byali kitaawe Amaziya bye yakola.
- 5 Ne yeesimba okunoonya Katonda mu nnaku za Zekkaliya eyalina okutegeera mu kwolesebwa kwa Katonda: era ebiri byonna lwe yanoonyanga Mukama, Katonda n'amulabyanga omukisa.
- 6 Awo n'atabaala n'alwana n'Abafirisuuti n'amenyera ddala bbugwe wa Gaasi ne bbugwe wa Yabune ne bbugwe wa Asudodi; n'azimba ebibuga mu nsi ya Asudodi ne mu Bafirisuuti.
- 7 Katonda n'amuyambanga ng'alwana n'Abafirisuuti n'Abawalabu abaabeeranga mu Gulubaali n'Abamewunimu.
- 8 Abamoni ne bawanga Uzziya ebirabo: erinnya lye ne lyatiikirira n'okutuusa awayin-girirwa e Misiri; kubanga yaba n'amaanyi mangi nnyo nnyini.
- 9 Era nate Uzziya n'azimba ebigo mu Yerusaalemi ku luggi olw'oku nsonda ne ku luggi olw'omu kiwonvu ne bbugwe w'akyukira, n'abinyweza.
- 10 N'azimba ebigo mu ddungu n'abajja ebidiba bingi, kubanga yalina ebisibo bingi; ne mu biwonvu ne mu lusenyi: era yalina abalimi n'abalongoosa emizabbibu ku nsozi ne mu nnimiro engimu; kubanga yayagala nnyo okulima.
- 11 Era nate Uzziya yalina eggwe ery'abasajja abalwany, abaatabaalanga ebibiina n'ebibi-ina, ng'omuwendo gw'okubalibwa kwabwe bwe gwali Yeyeri omuwandiisi gwe yabala, ne Maaseya omwami wansi w'omukono gwa Kananiya omu ku baami ba kabaka.
- 12 Omuwendo gwonna ogw'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, abasajja ab'amaanyi abazira, gwali enkumi bbiri mu lukaaga.
- 13 Era wansi w'omukono gwabwe ne waba eggwe eryayigirizibwa, obusiriivu busatu mu kasanvu mu bitaano, abaalwananga n'obuyinza bungi nnyo, okuyambanga kabaka eri abalabe.
- 14 Uzziya n'abategekera eggwe lyonna engabo n'amafumu n'enkuufiira n'ebizibawo eby'ebyuma n'emitego n'amayinja ag'okuvuumuula.
- 15 N'akolera mu Yerusaalemi ebyuma ebyagunjabwa abasajja ab'amagezi okubanga ku bigo ne ku nkomera eby'okulasa obusaale n'amayinja amanene. Erinnya lye ne

- lyatiikirira wala; kubanga yayambwanga kitalo okutuusa lwe yafuna amaanyi.
- 16 Naye lwe yafuna amaanyi omutima gwe ne gugulumizibwa n'okukola n'akola eby'obukyamu n'ayoonona Mukama Katonda we; kubanga yayingira mu yeekaalu ya Mukama okwotereza obubaane ku kyoto eky'obubaane.
 - 17 Azaliya kabona n'ayingira ng'amuvaako ennyuma, era wamu naye bakabona ba Mukama kinaana abasajja abazira:
 - 18 ne baziyiza Uzziya kabaka, ne bamugamba nti Si mulimu gwo, Uzziya, okwotereza Mukama obubaane wabula gwa bakabona batabani ba Aloon abaayawulibwa okwotezanga obubaane: va mu kigwa; kubanga oyoononye; so tekiriba kya kitiibwa kyo okuva eri Mukama Katonda.
 - 19 Awo Uzziya n'asunguwala; era yali alina ekyoterezo mu mukono gwe okwoteza obubaane; awo ng'asunguwalidde bakabona ebigenge ne bifuutuuka mu kyenyi kye mu maaso ga bakabona mu nnyumba ya Mukama ku mabbali g'ekyoto eky'obubaane.
 - 20 Awo Azaliya kabona omukulu ne bakabona bonna ne bamutunuulira, era, laba, ebigenge nga bimukutte mu kyenyi, ne banguwa okumusindiikiriza okuvaamu; weewaawo, ye yennyini n'ayanguwa okuvaamu kubanga Mukama amulwazizza.
 - 21 Uzziya kabaka n'abanga omugenge okutuusa ku lunaku kwe yafira, n'abeeranga mu nnyumba eyayawulibwa nga mugenge; kubanga yaggibwa mu nnyumba ya Mukama: Yosamu mutabani we n'abanga mukulu w'ennyumba ya kabaka, ng'alamula abantu ab'omu nsi.
 - 22 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Uzziya, ebyasooka n'ebyamalirwako, Isaaya nnabbi mutabani wa Amози yabiwandiika.
 - 23 Awo Uzziya ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe; ne bamuziika wamu ne bajjajjaabe mu kibanja eky'okuziikangamu ekya bassekabaka; kubanga baayogera nti Mugenge: Yosamu mutabani we n'amuddira mu bigere.

Essuula 27

- 1 Yosamu yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusalemi: ne nnyina erinnya lye yali Yera muwala wa Zadoki.
- 2 N'akolanga ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga byonna bwe byali kitaawe Uzziya bye yakolanga: era naye teyayingiranga mu yeekaalu ya Mukama. Abantu ne beeyongeranga okukola eby'obukyamu.
- 3 N'azimba oluggi olwa waggulu olw'omu nnyumba ya Mukama, n'azimba bingi ku bbugwe wa Oferi.
- 4 Era n'azimba ebibuga mu nsi ey'ensozi eya Yuda, ne mu kibira n'azimbamu enkomera n'ebigo.
- 5 Era n'alwana ne kabaka w'abaana ba Amoni n'abawangula. Abaana ba Amoni ne bamuwa mu mwaka ogwo ffeeza talanta kikumi n'eaano ebigerero kakumi ne sayiri kakumi. Era ebyenkana n'ebyo abaana ba Amoni ne bamusasula mu mwaka ogw'okubiri ne mu gw'okusatu.
- 6 Awo Yosamu n'afuuka ow'amaanyi kubanga yateekateeka amakubo ge mu maaso ga Mukama Katonda we.
- 7 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yosamu n'entalo ze zonna n'amakubo ge, laba, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isiraeri ne Yuda.
- 8 Yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga, n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusalemi.
- 9 Yosamu ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe ne bamuziika mu kibuga kya Dawudi: Akazi mutabani we n'amuddira mu bigere.

Essuula 28

- 1 Akazi yali yaakamaze emyaka amakumi abiri bwe yatanula okufuga, n'afugira emyaka kkumi na mukaaga mu Yerusaalemi, n'atakola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga Dawudi kitaawe:
- 2 naye n'atambulira mu makubo ga bassekabaka ba Isiraeri, era n'akolera Babaali ebifaananyi ebisaanuuse.
- 3 Era nate n'ayoterezanga obubaane mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu, n'ayokera abaana be mu muliro ng'emizizo gy'ab'amawanga bwe gyali Mukama be yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 4 N'aweerangayo n'ayoterezanga obubaane ku bifo ebigulumivu ne ku nsozi ne wansi wa buli muti omubisi.
- 5 Mukama Katonda we kyeyava amugabula mu mukono gwa kabaka w'e Busuuli; ne bamukuba ne batwala ku babe ekibiina kinene eky'abasibe, ne babaleeta e Ddamasiko. Era n'agabulwa mu mukono gwa kabaka wa Isiraeri, n'amukuba olutta lunene.
- 6 Kubanga Peka mutabani wa Lemaliya yatta mu Yuda ku lunaku lumu kasiriivu mu obukumi bubiri, bonna basajja bazira; kubanga baali balese Mukama Katonda wa bajjajjaabwe.
- 7 Zikuli omusajja ow'amaanyi owa Efulayimu n'atta Maaseya mutabani wa kabaka ne Azulikamu saabakaaki ne Erukaana eyaddirira kabaka.
- 8 Abaana ba Isiraeri ne batwala nga basibe ku baganda baabwe obusiriivu bubiri, abakazi, abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, era ne babaggyako omunyago mungi, ne baleeta omunyago e Samaliya.
- 9 Naye nnabbi wa Mukama yali eyo erinnya lye Odedi: naye n'afuluma okusisinkana eggye eryajja e Samaliya, n'abagamba nti Laba, kubanga Mukama Katonda wa bajjaj-jammwe yasunguwalira Yuda, kyavudde abagabula mu mukono gwammwe, era mubassizza obusungu obutuuse mu ggulu.
- 10 Ne kaakano mwagala okufuga abaana ba Yuda ne Yerusaalemi, okuba gye muli abaddu n'abazaana: naye nammwe temuliiko byonoono byammwe mmwe bye mwayonoona Mukama Katonda wammwe?
- 11 Kale nno mumpulire, muzzeeyo abasibe be muwambye ku baganda bammwe: kubanga ekiryi ekikambwe eky'a Mukama kibaliko.
- 12 Awo abamu ku mitwe gy'abaana ba Efulayimu, Azaliya mutabani wa Yokanani, Berakiya mutabani wa Mesiremosi, ne Yekizukiya mutabani wa Salumu, ne Amasa mutabani wa Kadalayi ne bayimirira okuziyiza abo abaava mu ntalo,
- 13 ne babagamba nti Temuyingizanga wano abasibe: kubanga mwagala ekyo ekiritulee-tako ekyonoono eri Mukama okwongerera ku bibi byaffe ne ku kwonoona kwaffe: kubanga okwonoona kwaffe kunene, era waliwo ekiryi ekikambwe eri Isiraeri.
- 14 Awo abasajja abakutte ebyokulwanyisa ne baleka abasibe n'omunyago mu maaso g'abakulu n'ekibiina kyonna.
- 15 Abasajja abaatuddwa amannya gaabwe ne bagolokoka ne baddira abasibe, ne bambaza omunyago abo bonna mu bo abaali obwereere mu bo n'omunyago, ne babawa engoye, n'engatto, ne babaliisa ne babanywesa ne babasiiga amafuta, ne basitulira ku ndogoyi bonna ku bo abanafu, ne babatuusa e Yeriko ekibuga eky'enkindu eri baganda baabwe; awo ne balyoka baddayo e Samaliya.
- 16 Mu biro ebyo kabaka Akazi n'atumira bakabaka b'e Bwasuli okumuyamba.
- 17 Kubanga Abaedomu baali bazze olw'okubiri ne bakuba Yuda ne banyaga abasibe.
- 18 Era n'Abafirisuuti ne batabaala ebibuga eby'omu nsenyi n'eby'omu bukiika obwa ddyo obwa Yuda, ne bamenya Besusemesi ne Ayalooni ne Gederosi ne Soko n'ebibuga byako ne Timuna n'ebibuga byako, Gimuzo nakyo n'ebibuga byako: ne

babeeranga omwo.

- 19 Kubanga Mukama yatoowaza Yuda olwa Akazi kabaka wa Isiraeri; kubanga yali akoze eby'ekyejo mu Yuda n'ayoonona nnyo Mukama.
- 20 Awo Tirugasupiruneseri kabaka w'e Bwasuli n'ajja gy'ali, n'amweraliikiriza naye n'atamuwa maanyi.
- 21 Kubanga Akazi yaggya ekitundu ky'ebintu mu nnyumba ya Mukama ne mu nnyumba ya kabaka n'ey'abakulu, n'akiwa kabaka w'e Bwasuli: naye ne kitamuyamba.
- 22 Ne mu kiseera mwe yalabira ennaku ne yeeyongera nate okusobya Mukama, oyo kabaka Akazi.
- 23 Kubanga yawaayo ssaddaaka eri bakatonda b'e Ddamasiko abaamukuba: n'ayogera nti Kubanga bakatonda ba bakabaka w'e Busuuli babayamba kyennaava mpaayo ssaddaaka eri bo bannyambe. Naye ne bamuzikiriza ne Isiraeri yenna.
- 24 Akazi n'akuaanya ebintu eby'omu nnyumba ya Katonda, n'atemaatema ebintu eby'omu nnyumba ya Katonda, n'aggalawo enzigi z'ennyumba ya Mukama; ne yeekolera ebyoto mu Yersaalemi mu buli kafo.
- 25 Ne mu buli kibuga kya Yuda kinnakimu n'akolamu ebifo ebigulumivu okwotereza obubaane bakatonda abalala, n'asunguwaza Mukama Katonda wa bajjajjaabe.
- 26 Era ebikolwa bye ebirala byonna n'amakubo ge gonna, ebyasooka n'ebyamalirwako, laba, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Yuda ne Isiraeri.
- 27 Akazi ne yebakira wamu ne bajjajjaabe ne bamuziika mu kibuga, mu Yersaalemi; kubanga tebamuyingiza mu masiro ga bassekabaka ba Isiraeri: Keezeekiya mutabani we n'amuddira mu bigere.

Essuula 29

- 1 Keezeekiya yatanula okufuga nga yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano; n'afugira emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yersaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Abiya muwala wa Zekkaliya.
- 2 N'akolanga ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi nga byonna bwe byali Dawudi kitaawe bye yakolanga.
- 3 Mu mwaka ogw'olubereberye ogw'okufuga kwe mu mwezi 'ogw'olubereberye n'aggulawo enzigi z'ennyumba ya Mukama n'aziddaabiriza.
- 4 N'ayingiza bakabona n'Abaleevi n'abakuaanyiza mu kifo ekigazi ku luuyi olw'ebuvanjuba,
- 5 n'abagamba nti Mumpulire, mmwe Abaleevi; kaakano mwetukuze, mutukuze n'ennyumba ya Mukama Katonda wa bajjajjammwe, muggyeemu eby'obugwagwa mu kifo ekitukuvu.
- 6 Kubanga bajjajjaffe baasobyanga ne bakolanga ebyali mu maaso ga Mukama Katonda waffe ebibi ne bamuleka ne bakyusa amaaso gaabwe okuva eri ekifo Mukama mw'abeera ne bakikuba amabega gaabwe.
- 7 Era ne baggalawo enzigi z'ekisasi, ne bazikiza ettabaaza, so tebootezanga bubaane newakubadde okuweerayo ebiweebwayo ebyokebwa' mu kifo ekitukuvu eri Katonda wa Isiraeri.
- 8 Obusungu bwa Mukama kyebwavanga bubeera ku Yuda ne Yersaalemi, era abawaddeyo okubayuuganya eruuyi n'eruuyi, okusamaalirirwa n'okusoozebwa, nga bwe mulaba n'amaaso gammwe.
- 9 Kubanga, laba, bakitaffe baagwa n'ekitala ne batabani baffe ne bawala baffe ne bakazi baffe kyebaava babeera mu busibe.
- 10 Era kiri mu mutima gwange okulagaana endagaano ne Mukama Katonda wa Isiraeri, ekiruyi kye ekikambwe kikyuke kituveeko.

- 11 Baana bange, temutenguwanga nno: kubanga Mukama abalonze okuyimiranga mu maaso ge okumuweerezanga, era mubeerenga abaweereza be, mwotezenga obubaane.
- 12 Awo Abaleevi ne balyoka bagolokoka, Makasi mutabani wa Amasayi, ne Yoweeri mutabani wa Azaliya, ab'oku baana ba Bakokasi: n'ab'oku baana ba Merali, Kiisi mutabani wa Abudi, ne Azaliya mutabani wa Yekalereri: n'ab'oku Bagerusoni, Yowa mutabani wa Zimma, ne Edeni mutabani wa Yowa:
- 13 n'ab'oku baana ba Erizafani, Simuli ne Yeweri: n'ab'oku baana ba Asafu, Zekkaliya ne Mattaniya
- 14 n'ab'oku baana ba Kemani, Yekweri ne Simeeyi: n'ab'oku baana ba Yedusuni, Semaaya ne Wuziyeeri
- 15 Ne bakuaanya baganda baabwe ne beetukuza ne bayingira ng'ekiragiro kya kabaka bwe kyali olw'ekigambo kya Mukama, okulongoosa ennyumba ya Mukama.
- 16 Bakabona ne bayingira mu luuyi olw'omunda olw'ennyumba ya Mukama okugirongoosa, ne baggyamu eby'obugwagwa byonna bye baalaba mu yeekaalu ya Mukama, ne babireeta mu luggya olw'ennyumba ya Mukama. Abaleevi ne babiddira okubifulumya ebweru eri akagga Kiduloni.
- 17 Era ne basookera ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye okutukuza, ne ku lunaku olw'omwezi olw'omunaana ne batuuka ku kisasi kya Mukama; ne batukuza ennyumba ya Mukama nu nnaku munaana: ne ku lunaku olw'ekkumi n'omukaaga olw'omwezi ogw'olubereberye ne bamalira ddala.
- 18 Awo ne balyoka bayingira eri Keezeekiya kabaka munda w'eriyumba ne boogera nti Tumaze okulongoosa ennyumba ya Mukama yonna n'ekyoto ekiweerwako ebiweebwayo ebyokebwa, n'ebintu byakyo byonna n'emmeeza ey'emigaati egy'okulaga n'ebintu byayo byonna.
- 19 Era nate ebintu byonna kabaka Akazi bye yasuula bwe yayonoona nga ye afuga, tubitegese ne tubitukuza; era, laba, biri mu naaso g'ekyoto kya Mukama.
- 20 Awo Keezeekiya kabaka n'agookoka mu makya, n'akuaanya abakulu b'ekibuga, n'ayambuka mu myumba ya Mukama.
- 21 Ne baleeta ente musanvu n'endiga ennune musanvu n'abaana b'endiga musanvu n'embuzi ennume musanvu okuba ekiweebwayo olw'ekibi olw'obwakabaka n'olw'ekigwa n'olwa Yuda. N'alagira bakabona batabani ba Alooni okubiweerayo ku kyoto kya Mukama.
- 22 Awo ne batta ente, bakabona ne batoola omusaayi, ne bagumansira ku kyoto: ne batta embuzi ennume, ne banansira omusaayi ku kyoto: ne batta n'abaana b'endiga, ne bamansira omusaayi ku kyoto.
- 23 Ne basembeza embuzi ennume okuba ekiweebwayo olw'ekibi mu maaso ga kabaka n'ekibiina; ne baziteekako emikono:
- 24 bakabona ne bazitta ne bawaayo ekiweebwayo olw'ekibi n'omusaayi gwazo ku kyoto, okutangirira Isiraeri yenna: kubanga zabaka yalagira okuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo olw'ekibi olwa Isiraeri yenna.
- 25 N'ateeka Abaleevi mu nnyumba ya Mukama nga balina ebitaasa n'entongooli n'ennanga, ng'ekiragiro kya Dawudi bwe kyali n'ekya Gaadi omulabi wa kabaka n'ekya Nasani nnabbi: kubanga ekiragiro kyava eri Mukama mu bannabbi be.
- 26 Abaleevi ne bayimirira nga balina ebintu bya Dawudi, ne bakabona nga balina amakondeere.
- 27 Keezeekiya n'alagira okuweerayo ekiweebwayo ekyokebwa ku kyoto. Awo ekiweebwayo ekyokebwa bwe kyatanula okuweebwayo, era n'oluyimba lwa Mukama ne lutanula, n'amakondeere wamu n'ebintu bya Dawudi kabaka wa Isiraeri.
- 28 Awo ekibiina kyonna ne basinza abayimbi ne bayimba, n'abafuuwa amakondeere ne bafuuwa; ebyo byonna ne byeyongera okubaawo okutuusa ekiweebwayo ekyokebwa

Iwe kyaggwaawo.

- 29 Awo bwe baamalira ddala okuwaayo, kabaka ne bonna abaali bali awo naye ne bavuu-nama ne basinza.
- 30 Era nate Keezeekiya kabaka n'abakulu ne balagira Abaleevi okuyimba okutendereza Mukama, mu bigambo bya Dawudi n'ebya Asafu omulabi. Ne bayimba okutendereza n'essanyu ne bakoteka emitwe gyabwe ne basinza.
- 31 Awo Keezeekiya n'addamu n'ayogera nti Kaakano nga mwewonze eri Mukama, musembere muleete ssaddaaka n'ebiweebwayo okwebaliza mu nnyumba ya Mukama. Ekibiina ne bayingiza ssaddaaka n'ebiweebwayo okwebaza; ne bonna abaalina nmutima ogwagala ne baleeta ebiweebwayo ebyokebwa.
- 32 N'omuwendo gw'ebiweebwayo ebyokebwa ekibiina bye baaleeta gwali ente nsanvu, endiga ennume kikumi, n'abaana b'endiga ebikumi bibiri: ebyo byonna byali bya kiweebwayo ekyokebwa eri Mukama.
- 33 N'ebintu ebyawongebwa byali ente lukaaga n'endiga enkumi ssatu.
- 34 Naye bakabona ne bayinga obutono ne batayinza kubaaga ebiweebwayo ebyokebwa byonna: baganda baabwe Abaleevi kyeabaava babayamba okutuusa omulimu Iwe gwaggwaawo era okutuusa bakabona Iwe baamala okwetukuza: kubanga Abaleevi baasinga bakabona okuba n'omutima omugolokofu okwetukuza.
- 35 Era n'ebiweebwayo ebyokebwa byali bingi nnyo n'amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe n'ebiweebwayo ebyokunywa ebya buli kiweebwayo ekyokebwa. Awo okuweereza okw'omu nnyumba ya Mukama ne kuteekebwateekebwa bwe kutyo.
- 36 Awo Keezeekiya n'asanyuka n'abantu bonna olw'ekyo Katonda kye yategekera abantu: kubanga ekigambo ekyo baakikolera awo mangu ago.

Essuula 30

- 1 Awo Keezeekiya n'atumira Isiraeri yenna ne Yuda, era n'awandiikira ebbaluwa Efulayimu ne Manase, bajje mu nnyumba ya Mukama mu Yerusaalemi, okukwata Okuyitako eri Mukama Katonda wa Isiraeri.
- 2 Kubanga kabaka yali ateesezza ne bakulu be n'ekibiina kyonna ekyali mu Yerusaalemi okukwatira Okuyitako mu mwezi ogw'okubiri.
- 3 Kubanga tebaayinza kukukwatira mu biro ebyo, kubanga bakabona baali tebannaba kwetukuza abangi ab'okumala, so n'abantu nga tebannakuaanira e Yerusaalemi.
- 4 Ekigambo ekyo ne kiba kirungi mu maaso ga kabaka n'ekibiina kyonna.
- 5 Awo ne bassaawo etteeka okulangira okubuna Isiraeri yenna okuva e Beeruseba okutuuka e Ddaani, bajje okukwata Okuyitako eri Mukama Katonda wa Isiraeri e Yerusaalemi: kubanga tebaakukwatanga abangi ennyo bwe batyo nga bwe kyawandi-ikibwa.
- 6 Awo ababaka ne bagenda nga balina ebbaluwa ezaava eri kabaka n'abakulu be okubuna Isiraeri yonna ne Yuda, era ng'ekiragiyo kya kabaka bwe kyali, nti Mmwe abaana ba Isiraeri, mukyukire nate Mukama Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Isiraeri, akomewo eri ekitundu kyammwe ekifisseewo ekiwonye mu mukono gwa bakabaka b'e Bwasuli.
- 7 So temufaanana bajjajjammwe ne baganda bammwe abaasobyanga Mukama Katonda wa bajjajjaabwe n'okuwaayo n'abawaayo eri okuzikirira nga bwe mulaba.
- 8 Kale mmwe temuba ba nsingo nkakanyavu nga bajjajjammwe bwe baali; naye mwe-weeyo eri Mukama, musingire mu kigwa kye kye yatukuza emirembe gyonna, muweereze Mukama Katonda wammwe, ekiruyi kye ekikambwe kikyuke kibaveeko.
- 9 Kubanga bwe munaakyukira nate Mukama, baganda bammwe n'abaana bammwe baliraba okusaasirwa mu maaso g'abo abaatwala nga basibe, ne bakomawo mu nsi

eno: kubanga Mukama Katonda wammwe wa kisa, asaasira, so taakyusenga amaaso ge okubavaako, mmwe bwe munaddanga gy'ali.

- 10 Awo ababaka ne bayita mu nsi ya Efulayimu n'eya Manase nga babuna ebibuga ne batuuka mu Zebbulooni: naye ne babasekerera nnyo ne babaduulira.
- 11 Era naye abamu ku Aseri ne Manase ne Zebbulooni ne beetoowaza ne bajja e Yersaalemi.
- 12 Era ne mu Yuda ne muba omukono gwa Katonda okubawa omutima gumu n'okukola ekiragiyo kya kabaka n'eky' abakulu olw'ekigambo kya Mukama.
- 13 Awo abantu bangi ne bakuaanira e Yersaalemi okukwata embaga ey'emigaati egitaz-imbulukuswa mu mwezi ogw'okubiri, ekibiina kinene nnyo nnyini.
- 14 Ne bagolokoka ne baggyawo ebyoto ebyali mu Yersaalemi n'ebyoto byonna eby'obubaane ne babiggyawo, ne babisuula mu kagga Kidulooni.
- 15 Awo ne balyoka batta Okuyitako ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi ogw'okubiri: bakabona n'Abaleevi ne bakwatibwa ensonyi, ne beetukuza ne baleeta ebiweebwayo ebyokebwa mu nnyumba ya Mukama.
- 16 Ne bayimirira mu kifo kyabwe nga bwe baalagirwa ng'amateeka bwe gali aga Musa omusajja wa Katonda: bakabona na bamansira omusaayi gwe baatoolera mu mukono gw'Abaleevi.
- 17 Kubanga mu kibiina mwalimu bangi abateetukuzizza: Abaleevi kyebaava balagirwa omulimu ogw'okutta Okuyitako olwa buli muntu ataali mulongoofu, okubatukuza eri Mukama.
- 18 Kubanga ku bantu bangi nnyo nnyini, bangi ku Efulayimu ne Manase, Isakaali ne Zebbulooni, baali tebetukuzizza, naye ne bamala galya Okuyitako naye si nga bwe kyawandiikibwa. Kubanga Keezeekiya yali abasabidde ng'ayogera nti Mukama ow'ekisa asonyiwe buli muntu
- 19 asimba omutima gwe okunoonya Katonda Mukama, Katonda wa bajjajaabe, newakubadde nga talongoosebwa ng'okunaazibwa okw'omu kigwa bwe kuli.
- 20 Awo Mukama n'awulira Keezeekiya, n'awonya abantu.
- 21 Abaana ba Isiraeri abaali bali awo e Yersaalemi ne bakwatira embaga ey'emigaati egitazimbulukuswa ennaku musanvu n'essanyu lingi: Abaleevi ne bakabona ne baten-dereza Mukama buli lunaku, nga bayimba n'ebintu ebivuga ennyo eri Mukama.
- 22 Keezeekiya n'ayogera ebigambo eby'okusanyusa n'Abaleevi bonna abaalina amagezi mu kuweereza Mukama. Awo ne baliira ennaku omusanvu okumala embaga, nga bawayo ssaddaaka ez'ebiweebwayo olw'emirembe, era nga baatulira Mukama Katonda wa bajjajaabwe.
- 23 Awo ekibiina kyonna ne bateesa ebigambo okukwata ennaku musanvu endala: ne bakwata ennaku musanvu endala n'essanyu.
- 24 Kubanga Keezeekiya kabaka wa Yuda n'awa ekibiina okuba ebiweebwayo ente lukumi n'endiga kasanvu; n'abakulu ne bawa ekibiina, ente lukumi n'endiga kakumi: ne bakabona bangi nnyo ne beetukuza.
- 25 Ekibiina kyonna ekya Yuda wamu ne bakabona n'Abaleevi n'ekibiina kyonna ekyava mu Isiraeri n'abagenyi abaava mu nsi ya Isiraeri n'abatuula mu Yuda ne basanyuka.
- 26 Awo ne waba essanyu lingi mu Yersaalemi: kubanga okuva mu biro bya Sulemaani mutabani wa Dawudi kabaka wa Isiraeri tewabangawo ebifaanana ebyo mu Yersaalemi:
- 27 Awo bakabona Abaleevi ne bagolokoka ne basabira abantu omukisa: eddoozi lyabwe ne liwulirwa, okusaba kwabwe ne kulinyya mu kifo ekitukuvu mw'abeera, mu ggulu.

Essuula 31

- 1 Awo ebyo byonna bwe byaggwa, Isiraeri yenna abaali bali awo ne bavaayo ne bagenda mu bibuga bya Yuda, ne bamenyaamenya empagi, ne batemaatema Baasera, ne bamenyera ddala ebifo ebigulumivu n'ebiyoto mu Yuda yonna ne Benyamini, era ne mu Efulayimu ne Manase, okutuusa lwe baabizikiriza byonna. Awo abaana ba Isiraeri bonna ne baddayo buli muntu mu butaka bwe, mu bibuga byabwe bo.
- 2 Awo Keezeekiya n'assaawo empalo za bakabona n'Abaleevi ng'empalo zaabwe bwe zaali, buli muntu ng'okuweereza kwe bwe kwali, bakabona era n'Abaleevi, olw'ebiweebwayo ebyokebwa n'olw'ebiweebwayo olw'emirembe, okuweerezanga n'okwebazanga n'okutendererezanga mu nzigi ez'olusiisira lwa Mukama.
- 3 Era n'assaawo omugabo gwa kabaka ogw'oku bintu bye olw'ebiweebwayo ebyokebwa, olw'ebiweebwayo ebyokebwa eby'enkya n'ebya'akawungeezi, n'ebiweebwayo ebya ssabbiiti n'ebya'emyezi egyakaboneka n'ebya'embaga ezaalagirwa nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Mukama.
- 4 Era nate n'alagira abantu abaabeeranga mu Yerusalemi okuwangayo omugabo gwa bakabona n'Abaleevi, beeweeyo eri amateeka ga Mukama.
- 5 Awo etteeka bwe lyalangirwa, amangu ago abaana ba Isiraeri ne baleeta bingi nnyo ebibereberye eby'eaano n'omwenge n'amafuta n'omubisi gw'enjuki n'ebibala byonna eby'omu nnimiro, n'ekitundu eky'ekkumi eky'ebintu byonna ne bakireeta, bingi nnyo.
- 6 Abaana ba Isiraeri ne Yuda abaabeeranga mu bibuga bya Yuda, era nabo ne baleeta ekitundu eky'ekkumi eky'ente n'endiga, n'ekitundu eky'ekkumi eky'ebintu ebyawongebwa ebyayawulirwa Mukama Katonda waabwe, ne babituuma entuumo.
- 7 Mu mwezi ogw'okusatu mwe baatanulira okutandika entuumo ne bazimalira mu mwezi ogw'omusanvu.
- 8 Awo Keezeekiya n'abakulu bwe bajja ne balaba entuumo, ne beebaza Mukama n'abantu be Isiraeri.
- 9 Awo Keezeekiya n'abuuzagana ne bakabona n'Abaleevi eby'entuumo.
- 10 Azaliya kabona asinga obukulu ow'omu nnyumba ya Zadoki n'amuddamu n'ayogera nti Abantu kasookedde batanula okuleeta ebitone mu nnyumba ya Mukama, nga tulya nga tukkuta nga tulemerwa ddala: kubanga Mukama awadde abantu be omukisa; n'ebyo ebifisseewo bye bintu bino ebyenkanidde awo.
- 11 Awo Keezeekiya n'alyoka alagira okutegeka enju mu nnyumba ya Mukama; ne bazitegeka.
- 12 Ne bayingiza ebitone n'ebitundu eby'ekkumi n'ebintu ebyawongebwa, n'obwesigwa: era Konaniya Omuleevi ye yali omukulu waabwe, ne Simeeyi muganda we ye yamudirira.
- 13 Ne Yekyeri, ne Azaziya, ne Nakasi, ne Asakeri, ne Yerimosi, ne Yozabadi, ne Eryezi, ne Isumakiya, ne Makasi, ne Benaya be baali balabirizi wansi w'omukono gwa Konaniya ne Simeeyi muganda we olw'ekiragiro kya Keezeekiya kabaka ne Azaliya omukulu w'ennyumba ya Katonda.
- 14 Ne Kole mutabani va Imuna Omuleevi, omuggazi w'omulyango ogw'ebuvanjoba, ye yali omukulu w'ebyo bye baawaayo eri Katonda ku bwabwe, okugaba ebirabo bya Mukama n'ebintu ebitukuvu ennyo.
- 15 Era wansi w'oyo Edene ne Miniyamini ne Yesuwa ne Semaaya, Amaliya ne Sekaniya, mu bibuga bya bakabona, mu mulimu gwabwe ogwalagirwa, okuwanga baganda baabwe mu mpalo, abakulu era n'abato:
- 16 obutassaako abo abaabalibwa ng'okuzaalibwa kw'abasajja bwe kwali, abaakamaze emyaka esatu n'okukirawo, buli eyayingira mu nnyumba ya Mukama, ng'ebyagwanira

buli lunaku bwe byali, olw'okuweereza kwabwe mu ebyo bye baalagirwa, ng'empalo zaabwe bwe zaali;

- 17 n'abo abaabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali ku bakabona ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, n'Abaleevi abakamaze emyaka amakumi abiri n'okukirawo, mu ebyo bye baalagirwa ng'empalo zaabwe bwe zaali;
- 18 n'abo abaabalibwa ng'okuzaabwa kwabwe bwe kwali ku baana baabwe bonna abato, abakazi baabwe ne batabani baabwe ne bawala baabwe, okubuna ekibiina kyonna: ubanga beetukuza mu butukuvu mu mulimu gwabwe ogwalagirwa:
- 19 era olwa batabani ba Alooni bakabona abaali mu nnimiro ez'omu byalo eby'ebibuga byabwe, mu buli kibuga kinnakimu, mwalimu abasajja abaayatulwa amannya gaawe okuwa emigabo abasajja bonna ab'omu bakabona n'abo bonna abaabalibwa ng'okuzaalibwa bwe kwali mu Baleevi.
- 20 Era bw'atyo Keezekiya bwe yakola ne mu Yuda yonna; n'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama Katonda we ebirungi era eby'ensonga era eby'obwesigwa.
- 21 N'omulimu gwonna gwe yatandika mu kuweereza okw'omu nnyumba ya Katonda ne mu mateeka ne mu biragiro okunoonya Katonda we n'agukola n'omutima gwe gwonna, n'alaba omukisa.

Essuula 32

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo n'obwesigwa obwo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'ajja n'ayingira mu Yuda, n'asiisira okwolekera ebibuga ebiriko enkomera, n'alowooza okubyeriira.
- 2 Awo Keezekiya bwe yalaba nga Sennakeribu azze, era ng'amaliridde okulwana ne Yersaalemi,
- 3 n'ateesa n'abakulu be n'abasajja be ab'amaanyi okuziba amazzi ag'omu nzizi ezaali ebweru w'ekibuga; ne bamuyamba.
- 4 Awo abantu bangi ne bakuaana, ne baziba enzizi zonna n'akagga akayita wakati mu nsi nga boogera nti Bakabaka b'e Bwasuli okujja ne basanga amazzi amangi lwaki?
- 5 N'aguma omwoyo n'azimba bbugwe yenna eyali amenyese n'amugulumiza okwenkana n'ebigo, ne bbugwe omulala ebweru, n'anyweza Mirro mu kibuga kya Dawudi, n'akola ebyokulwanyisa n'engabo bingi nnyo.
- 6 N'assaawo abaami abalwanyoni okufuga abantu, n'abakuaanyiza gy'ali mu kifo ekigazi awali wankaaki w'ekibuga, n'ayogera nabo ebigambo eby'okusanyusa nti
- 7 Mube n'amaanyi mugume emyoyo, temutya so temukeentererwa olwa kabaka w'e Bwasuli newakubadde eggye lyonna eriri naye: kubanga waliwo omukulu ali naffe okusinga abali naye:
- 8 wamu naye waliwo omukono ogw'omubiri; naye wamu naffe waliwo Mukama Katonda waffe okutuyamba n'okulwana entalo zaffe. Abantu ne banywerera ku bigambo bya Keezekiya kabaka wa Yuda.
- 9 Oluvannyuma lw'ebyo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'atuma abaddu be e Yersaalemi (era yali ng'ayolekedde Lakisi n'amaanyi ge gonna wamu naye,) eri Keezekiya kabaka wa Yuda, n'eri Yuda yenna abaali e Yersaalemi, ng'ayogera nti
- 10 Bw'atyo bw'ayogera Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli nti Mwesiga ki n'okulinda ne mulinda okuzingizibwa mu Yersaalemi?
- 11 Keezekiya tabasendasenda okubawaayo okufa enjala n'ennyonta, ng'ayogera nti Mukama Katonda waffe alituwonya mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli?
- 12 Keezekiya oyo si ye yaggyawo ebifo bye ebigulumivu n'ebyoto bye, n'alagira Yuda ne Yersaalemi nti Munaasinzizanga mu maaso g'ekyoto ekimu kyokka, era okwo kwe munaayotererezanga obubaane?

- 13 Temumanyi nze ne bajjajjange bye twakola amawanga gonna ag'omu nsi endala? Bakatonda b'amawanga ag'omu nsi ezo baayinza n'akatono okuwonya ensi zaabwe mu mukono gwange?
- 14 Katonda ki ku bakatonda bonna ab'amawanga gali bajjajjange ge baazikiririza ddala, eyayinza okuwonya abantu be mu mukono gwange, Katonda wammwe ayinze okubawonya mu mukono gwange?
- 15 Kale nno Keezeekiya aleme okubalimba newakubadde okubasendasenda bw'atyo, so temumukkiriza: kubanga tewali katonda ow'eggwanga lyonna oba bwakabaka, eyayinza okuwonya abantu be mu mukono gwange ne mu mukono gwa bajjajjange: kale okusinga ennyo Katonda wammwe alibawonya atya mu mukono gwange?
- 16 Abaddu be ne beeyongerera okuvuma Mukama Katonda n'omuddu we Keezeekiya.
- 17 Era n'awandiika okuvvoola Mukama Katonda wa Isiraeri, n'okumwogerako obubi nti Nga bakatonda b'amawanga ag'omu nsi endala abataawonya bantu baabwe mu mukono gwange, bw'atyo ne Katonda wa Keezeekiya bw'ataliwonya bantu be mu mukono gwange.
- 18 Ne boogerera waggulu n'eddoboozi ddene mu lulimi olw'Abayudaaya eri abantu ab'e Yersaalemi abaali ku bbugwe, okubatiisa, n'okubeeraliikiriza; balyoke bamenye ekibuga.
- 19 Ne boogera ku Katonda ow'e Yersaalemi nga bamufaananya bakatonda ab'amawanga ag'omu nsi omulimu gw'emikono gy'abantu.
- 20 Keezeekiya kabaka ne Isaaya nnabbi mutabani wa Amози ne basaba olw'ekigambo ekyo ne bakaaba eri eggulu.
- 21 Mukama n'atuma malayika n'amalawo abasajja bonna ab'amaanyi abazira n'abakulu n'abaami mu lusiisira lwa kabaka w'e Bwasuli. Awo n'addayo mu nsi ye amaaso ge nga gakatiddwa ensonyi: Awo bwe yatuuka mu ssabo lya katonda we, abo abaava mu ntumbwe ze ye ne bamuttira eyo n'ekitala.
- 22 Bw'atyo Mukama bwe yawonya Keezeekiya n'abo abaabeeranga mu Yersaalemi mu mukono gwa Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli ne mu mukono gw'abalala bonna n'abaluamya enjuyi zonna.
- 23 Awo bangi ne baleetera Mukama ebirabo e Yersaalemi, n'ebintu eby'omuwendo omungi eri Keezeekiya kabaka wa Yuda: n'okugulumizibwa n'agulumizibwa mu maaso g'amawanga gonna okuva ku lunaku olwo.
- 24 Mu biro ebyo Keezeekiya n'alwala kumpi n'okufa: n'asaba Mukama; n'ayogera naye n'amuwa akabonero.
- 25 Naye Keezeekiya n'atasasula nate ng'ekisa bwe kyali kye yakolwa; kubanga omutima gwe gwegulumiza: obusungu kyebwava bubeera ku ye ne ku Yuda ne ku Yersaalemi.
- 26 Era naye Keezeekiya ne yeetoowaza olw'amalala ag'omutima gwe, ye n'abo abaabeeranga mu Yersaalemi, obusungu bwa Mukama ne butabatuukako ku mirembe gya Keezeekiya.
- 27 Era Keezeekiya yalina obugagga n'ekitiibwa kingi nnyo nnyini: ne yeefunira amawanika aga ffeeza n'aga zaabu n'ag'amayinja ag'omuwendo omungi n'ag'eby'akaloosa n'ag'engabo n'ag'ebintu byonna ebirungi;
- 28 era n'ennyumba ez'okuterekeramu omwaka ogw'eaano n'omwenge n'amafuta: n'ennyumba ez'ebisolo eby'engeri zonna n'amagana mu bisibo.
- 29 Era ne yeefunira ebibuga n'embuzi n'ente bye yalina bingi nnyo: kubanga Katonda yali amuwadde ebintu bingi nnyo nnyini.
- 30 Oyo Keezeekiya n'aziba oluzzi olwa waggulu olw'amazzi aga Gikoni, n'agaluamya okugaseregeseza ku luuyi olw'ebugwanjuba olw'ekibuga kya Dawudi. Keezeekiya n'alaba omukisa mu mirimu gye gyonna.
- 31 Naye mu bigambo by'ababaka b'abakulu b'e Babulooni abaamutumira okubuuza

eky'amagero ekyakolebwa mu nsi, Katonda n'amuleka okumukema alyoke ategeere byonna ebyali mu mutima gwe.

- 32 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Keezeekiya n'ebirungi bye yakola, laba, byawandi-ikibwa mu kwolesebwa kwa Isaaya nnabbi mutabani wa Amози, mu kitabo kya bassekabaka ba Yuda ne Isiraeri.
- 33 Keezeekiya ne yeebakira wamu ne bajjajjaabe ne bamuziika awalinnirwa mu masiro ga batabani ba Dawudi: Yuda yenna n'abo abaabeeranga mu Yerusalemi ne bamussaamu ekitiibwa bwe yafa. Manase mutabani we n'amuddira mu bigere.

Essuula 33

- 1 Manase yali yaakamaze emyaka kkumi n'ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi ataano mu etaano mu Yerusalemi.
- 2 N'akola ebyali mu maaso ga Mukama ebibi ng'ebymizizo bwe biri eby'ab'amawanga Mukama be yagoba mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 3 Kubanga yazimba nate ebifo ebigulumivu Keezeekiya kitaawe bye yamenyaamenya; n'asimbira Baali ebyoto n'akola Baasera n'asinza eggye lyonna ery'omu ggulu n'aliweereza.
- 4 N'azimba ebyoto mu nnyumba ya Mukama, Mukama gye yagambako nti Mu Yerusalemi erinnya lyange mwe linaabeeranga emirembe gyonna.
- 5 Era n'azimbira eggye lyonna ery'omu ggulu ebyoto mu mpya ebiri ez'ennyumba ya Mukama.
- 6 Era n'ayisa mu muliro abaana be mu kiwonvu ekya mutabani wa Kinomu, n'alaguza ebire n'aba n'ebyo bulogo n'ebyo buganga: n'agendanga eri abo abaliko emizimu n'abalogo: n'akola obubi bungu mu maaso ga Mukama okumusunguwa.
- 7 N'asimba ekifaananyi ekyole eky'esnamu kye yakola mu nnyumba ya Katonda, Katonda gye yagambako Dawudi ne Sulemaani mutabani we nti Mu nnyumba eno ne mu Yerusalemi kye nneerobozezza mu bika byonna ebya Isiraeri we nnaateekanga erinnya lyange emirembe gyonna:
- 8 so sijjululenga nate kigere kya Isiraeri okuva mu nsi gye nateekerawo bajjajjammwe; bwe baneekuumanga okukola byonna bye mbalagidde, amateeka gonna n'ebiragiro n'obulombolombo mu mukono gwa Musa.
- 9 Manase n'awabya Yuda n'abali mu Yerusalemi ne bakola ebibi okusinga amawanga bwe gaakolanga, Mukama ge yazikiririza mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
- 10 Mukama n'ayogerako ne Manase n'abantu be: naye ne batawulira.
- 11 Mukama kyeyava abaleetako abaami b'eggye lya kabaka w'e Bwasuli, ne batwalira Manase mu njegere, ne bamusiba n'amasamba, ne bamutwala e Babuloni.
- 12 Awo bwe yalaba ennaku, ne yeegayirira Mukama Katonda we ne yeetoowaza nnyo mu maaso ga Katonda wa bajjajjaabe.
- 13 N'amusaba; ne yeegayirirwa ye n'awulira okwegayirira kwe n'amukomyawo e Yerusalemi mu bwakabaka bwe. Awo Manase n'amanya Mukama nga ye Katonda.
- 14 Awo oluvannyuma lw'ebyo n'azimba bbugwe ow'ebweru ku kibuga kya Dawudi ku luuyi lwa Gikoni olw'ebugwanjuba mu kiwonvu, okutuuka awayingirirwa mu mulyango ogw'ebyennyanya; ne yeetoolooza Oferi n'akigulumiza waggulu nnyo nnyini: n'ateeka abaami abazira mu bibuga byonna ebya Yuda ebyaliko enkomera.
- 15 N'aggyawo bakatonda ab'amawanga n'ekifaananyi mu nnyuniba ya Mukama n'ebyo byonna bye yali azimbye ku lusozi olw'ennyumba ya Mukama ne mu Yerusalemi, n'abisuula ebweru w'ekibuga.
- 16 N'azimba obuggya ekyoto kya Mukama n'aweerayo okwo ssaddaaka ez'ebiwebwayo olw'emirembe n'ez'okwebaza, n'alagira Yuda okuweerezanga Mukama Katonda wa

Isiraeri.

- 17 Naye abantu nga bakyaweerayo ssaddaaka ku bifo ebigulumivu, naye eri Mukama Katonda waabwe yekka.
- 18 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Manase n'okusaba kwe yasaba Katonda we n'ebigambo by'abalabi abaayogereranga naye mu linnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri, laba, byawandiikibwa mu bikolwa bya bassekabaka ba Isiraeri.
- 19 N'okusaba kwe era Katonda bwe yeegayirirwa ye n'okwonoona kwe kwonna n'okusobya kwe n'ebifo mwe yazimbira ebifo ebigulumivu n'asimba Baasera n'ebifaananyi ebyole nga tannaba kwetoowaza: laba, byawandiikibwa mu bigambo bya Kozayi.
- 20 Awo Manase ne yebakira wamu ne bajjajjaabe ne bamuziika mu nnyumba ye ye: Amoni mutabani we n'amuddira mu bigere.
- 21 Amoni yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka ebiri mu Yersaalemi.
- 22 N'akolanga ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebibi nga Manase kitaawe bwe yakolanga: Amoni n'awangayo ssaddaaka eri ebifaananyi ebyole byonna Manase kitaawe bye yakola n'abiweerezanga.
- 23 N'ateetoowaza mu maaso ga Mukama nga Manase kitaawe bwe yeetoowaza; naye Amoni oyo ne yeeyongerayongeranga okusobya.
- 24 Abaddu be ne bamwekobaana ne bamuttira mu nnyumba ye ye.
- 25 Naye abantu ab'omu nsi ne batta bonna abeekobaana kabaka Amoni; abantu ab'omu nsi ne bafuula Yosiya mutabani we kabaka mu kifo kye.

Essuula 34

- 1 Yosiya yali yaakamaze emyaka munaana bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka amakumi asatu mu gumu mu Yersaalemi.
- 2 N'akolanga ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebirungi n'atambuliranga mu maknbo ga Dawudi kitaawe n'atakyukira ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkonno.
- 3 Kubanga mu mwaka ogw'omunaana ogw'okufuga kwe, ng'akyali muto, n'atanula okunoonya Katonda wa Dawudi kitaawe: ne mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri mwe yatanulira okulongoosa Yuda ne Yersaalemi okumalamu ebifo ebigulumivu ne Baasera n'ebifaananyi ebyole n'ebifaananyi ebisaanuuse.
- 4 Ne bamenyaamenyera ebyoto bya Babaali mu maaso ge; n'ebifaananyi by'enjuba ebyali waggulu ku byo n'abitemaatema; ne Baasera n'ebifaananyi ebyole n'ebifaananyi ebisaanuuse n'abimenyaamenya n'abifuula enfuufu n'agimansira ku malaalo g'abo abaabiwongeranga.
- 5 Era n'ayokera amagumba ga bakabona ku byoto byabwe, n'alongoosa Yuda ne Yersaalemi.
- 6 Era bw'atyo bwe yakola ne mu bibuga bya Manase ne Efulayimu ne Simyoni okutuuka ku Nafutaali mu matongo gaabyo enjuyi zonna.
- 7 N'amenaamenya ebyoto, n'asekula Baasera n'ebifaananyi ebyole n'abifuula enfuufu, n'atemaatema ebifaananyi byonna eby'enjuba okubuna ensi yonna eya Isiraeri, n'akomawo e Yersaalemi.
- 8 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'okufuga kwe bwe yamala okulongoosa ensi n'ennyumba, n'atuma Safani mutabani wa Azaliya ne Maaseya eyafuga ekibuga ne Yowa mutabani wa Yowakazi omujjukiza okuddaabiriza ennyumba ya Mukama Katonda we.
- 9 Ne bajja eri Kirukiya kabona asinga obukulu ne bawaayo effeeza eyaleetebwa mu nnyumba ya Katonda, Abaleevi abaggazi gye baali basoloozezza mu mukono gwa Manase ne Efulayimu ne ku kitundu kyonna ekya Isiraeri ekifissewo ne ku Yuda

yenna ne Benyamini ne ku abo abaabeeranga mu Yerusaalemi.

- 10 Ne bagiwaayo mu mukono gw'abakozi abaalabiriranga ennyumba ya Mukama; abakozi abaakola omulimu mu nnyumba ya Mukama ne bagiwa okulongoosa n'okudaabiriza ennyumba;
- 11 baagiwa ababazzi n'abazimbi, okugula amayinja amabajje n'emiti egy'okuyunga n'okubajja emiti egy'ennyumba bassekabaka ba Yuda ze baazikirizanga.
- 12 Abasajja ne bakola omulimu n'obwesigwa: abalabirizi baabwe be bano, Yakasi ne Obadiya, Abaleevi ab'oku batabani ba Merali; ne Zekkaliya ne Mesullamu, ab'oku batabani b'Abakokasi, okugikoza: n'abalala ku Baleevi, bonna abalina amagezi ag'ebintu ebivuga.
- 13 Era baalabirira abeetissi b'emigugu, ne bakoza bonna abaakola omulimu mu kuweereza okw'engeri zonna: ne ku Baleevi kwaliko abawandiisi n'abaami n'abaggazi.
- 14 Awo bwe baggyamu effeeza eyaleetebwa mu nnyumba ya Mukama, Kirukiya kabona n'alaba ekitabo eky'amateeka ga Mukama agaaweerwa mu mukono gwa Musa.
- 15 Awo Kirukiya n'addamu n'agamba Safani omuwandiisi nti Nzudde ekitabo eky'amateeka mu nnyumba ya Mukama. Kirukiya n'awa Safani ekitabo.
- 16 Awo Safani n'atwala ekitabo eri kabaka, era n'addiza kabaka ebigambo nti Byonna abaddu bo bye baalagirwa babikola.
- 17 Era baggyeemu effeeza ezaasangibwa mu nnyumba ya Mukama ne baziwa mu mukono gw'abalabirizi ne mu mukono gw'abakozi.
- 18 Awo Safani omuwandiisi n'abuulira kabaka nti Kirukiya kabona ampadde ekitabo. Safani n'asoma omwo mu maaso ga kabaka.
- 19 Awo olwatuuka kabaka bwe yawulira ebigambo eby'amateeka n'ayuza ebyambalo bye.
- 20 Awo kabaka n'alagira Kirukiya ne Akikamu mutabani wa Safani ne Abudoni mutabani wa Mikka ne Safani omuwandiisi ne Asaya omuddu wa kabaka ng'ayogera nti
- 21 Mugende mumbuulirize Mukama nze n'abo abasigadde mu Isiraeri ne mu Yuda, eby'ebigambo eby'ekitabo kino ekizuuliddwa: kubanga obusungu bwa Mukama obufukiddwa ku ffe bungi kubanga bajjajaffe tebaakwatanga kigambo kya Mukama okukola nga byonna bwe biri ebyawandiikibwa mu kitabo kino.
- 22 Awo Kirukiya n'abo kabaka be yali alagidde ne bagenda eri Kuluda nnabbi omukazi muka Sallumu mutabani wa Tokasi mutabani wa Kasula omuwanika w'ebyambalo; (oyo yabeeranga mu Yerusaalemi ku luuyi olw'okubiri;) ne bateesa naye bwe batyo.
- 23 Awo n'abagamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Mugambe omusajja abatumye gye ndi nti
- 24 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Laba, ndireeta obubi ku kifo kino ne ku abo abakibeeramu, ebikolimo byonna ebiwandiikiddwa mu kitabo kye basomye mu maaso ga kabaka lwa Yuda:
- 25 kubanga banvuddeko ne bookera obubaane bakatonda abalala, bansuguwaze n'emirimu gyonna egy'engalo zaabwe; obusungu bwange kyebuvudde bufukibwa ku kifo kino so tebulizikira.
- 26 Naye kabaka wa Yuda abatumye okubuuza Mukama, bwe mutyo bwe muba mumugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Olw'ebigambo by'owulidde,
- 27 kubanga omutima gwo gubadde mugonvu ne weetoowaza mu maaso ga Katonda bw'owulidde ebigambo bye ku kifo kino ne ku abo abakibeeramu, ne weetoowaza mu maaso gange, n'oyuza ebyambalo byo n'okaabira amaziga mu maaso gange; nange nkuwulidde, bw'ayogera Mukama.
- 28 Laba, ndikukuaanyiza eri bajjajjaabo n'okuaanyizibwa mu ntaana yo mireembe, so

n'amaaso go tegaliraba bubi bwonna bwe ndireeta ku kifo kino ne ku abo abakirimu. Ne baddiza kabaka ebigambo.

- 29 Awo kabaka n'atuma, n'akuaanya abakadde bonna aba Yuda n'ab'e Yersaalemi.
- 30 Kabaka n'ayambuka mu nnyumba ya Mukama, n'abasajja bonna aba Yuda ne bonna abatuula mu Yersaalemi ne bakabona n'Abaleevi n'abantu bonna, abakulu n'abato: n'asomera mu matu gaabwe ebigambo byonna eby'ekitabo eky'endagaano ekizuulid-dwa mu nnyumba ya Mukama.
- 31 Kabaka n'ayimirira mu kifo kye, n'alagaanira endagaano mu maaso ga Mukama okutambulanga okugobereranga Mukama n'okukwatanga amateeka ge n'ebyo bye yategeeza n'ebiragiro bye n'omutima gwe gwonna n'emmeeme ye yonna, okutuukiriza ebigambo by'endagaano ebyawandiikibwa mu kitabo kino.
- 32 Awo n'awaliriza bonna abaalabika mu Yersaalemi ne Benyamini okugyesibira. Abo abaali mu Yersaalemi ne bakola ng'endagaano ya Katonda, Katonda wa bajajjaabwe, bwe yali.
- 33 Yosiyi n'aggya emizizo gyonna mu nsi zonna ez'abaana ba Isiraeri, n'aweereza bonna abaalabika mu Isiraeri, okuweereza Mukama Katonda waabwe. Ennaku ze zonna tebaalekanga kugoberera Mukama, Katonda wa bajajjaabwe.

Essuula 35

- 1 Awo Yosiyi n'akwata Okuyitako eri Mukama mu Yersaalemi: ne batta Okuyitako ku (lunaku) olw'ekumi n'ennya olw'omwezi ogw'olubereberye.
- 2 N'ateeka bakabona mu ebyo bye baalagirwa n'abagumya omwoyo olw'okuweereza okw'omu nnyumba ya Mukama.
- 3 N'agamba Abaleevi abaayigirizanga Isiraeri yenna, abatukuvu eri Mukama, nti Muteeke essanduuko entukuvu mu nnyumba Sulemaani mutabani wa Dawudi kabaka wa Isiraeri gye yazimba; tewakyabeera mugugu ku bibegabega byammwe: muweereze nno Mukama Katonda wammwe n'abantu be Isiraeri.
- 4 Era mweteeketeke ng'ennyumba za bakitammwe bwe ziri mu mpalo zammwe, ng'ekiwandiike bwe kiri ekyi Dawudi kabaka wa Isiraeri n'ekiwandiike kya Sulemaani mutabani we.
- 5 Era muyimirire mu kifo ekitukuvu ng'ennyumba za bakitaabwe eza baganda bammwe abaana b'abantu bwe zaayawulibwa, era wabeewo eri buli muntu omugabo ogw'ennyumba ya bakitaabwe ey'Abaleevi.
- 6 Era mutte Okuyitako mwetukuze muteekereteekere baganda bammwe okukola ng'ekigambo kya Mukama bwe kiri mu mukono gwa Musa.
- 7 Awo Yosiyi n'awa abaana b'abantu ku mbuzi abaana b'endiga n'ab'embuzi, zonna ez'ebiweebwayo ez'Okuyitako eri bonna abaali eyo okuweza obukumi busatu, n'ente enkumi ssatu: ezo zaali za ku bintu bya kabaka.
- 8 N'abakulu be ne bawa abantu okuba ekiweebwayo ku bwabwe, eri bakabona n'Abaleevi. Kirukiya ne Zekkaliya ne Yekyeri, abaafuga ennyumba ya Katonda, ne bawa bakabona olw'ebiweebwayo eby'Okuyitako ebisolo ebitono enkumi bbiri mu lukaaga n'ente ebikumi bisatu.
- 9 Era Konaniya ne Semaaya ne Nesaneri, baganda be, ne Kasabiya ne Yeyeri ne Yozabadi, abakulu b'Abaleevi, ne bawa Abaleevi olw'ebiweebwayo eby'Okuyitako ebisolo ebitono enkumi ttaano n'ente ebikumi bitaano.
- 10 Bwe kutyo okuweereza ne kuteekebwateekibwa, bakabona ne bayimirira mu kifo kyabwe, n'Abaleevi mu mpalo zaabwe ng'ekiragiro kya kabaka bwe kyali.
- 11 Ne batta Okuyitako, bakabona ne bamansira omusaayi gwe baatoolera mu mukono gwabwe, Abaleevi ne bazibaaga.

- 12 Ne baggyayo ebiweebwayo ebyokebwa, balyoke babawe ng'ennyumba za bakitaabwe ez'abaana b'abantu bwe zaayawulibwa, okuwaayo eri Mukama nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kya Musa. Era bwe batyo bwe baakola ente.
- 13 Ne bookya Okuyitako omuliro ng'ekiragirowo bwe kyali: n'ebiweebwayo ebitukuvu ne babifumba mu ntamu ne mu seffuliya ne mu nsaka, ne babitwala mangu eri abaana b'abantu bonna.
- 14 Awo oluvannyuma ne beeteekerateekera bokka ne bakabona; kubanga bakabona batabani ba Alooni tebaalina banga olw'okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa n'amasavu okuzibya obudde: Abaleevi kyebaava beeteekerateekera bokka ne bakabona batabani ba Alooni.
- 15 N'abayimbi batabani ba Asafu baali mu kifo kyabwe, ng'ekiragirowo kya Dawudi bwe kyali, ne Asafu ne Kemani ne Yedusuni, omulabi wa kabaka; n'abaggazi baali ku buli luggi: tebeetaaga kuva ku kuweereza kwabwe, kubanga baganda baabwe Abaleevi baabateekerateekera.
- 16 Bwe kutyo okuweereza kwonna okwa Mukama ne kuteekebwateekebwa ku lunaku olwo okukwata Okuyitako n'okuweerayo ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto kya Mukama ng'ekiragirowo kya kabaka Yosiya bwe kyali.
- 17 Abaana ba Isiraeri abaali eyo ne bakwata Okuyitako mu biro ebyo n'embaga ey'emi-gaati egitazimbulukuswa, ennaku musanvu.
- 18 So tewabangawo Kuyitako okwafaanana okwo okwakwatibwa mu Isiraeri okuva ku biro bya Samwiri nnabbi; so tewabangawo ku bassekabaka ba Isiraeri eyakwata Okuyitako okufaana okwo Yosiya kwe yakwata, ne bakabona n'Abaleevi ne Yuda yenna ne Isiraeri abaali eyo n'abo abaali mu Yersaalemi.
- 19 Mu mwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogw'okufuga kwa Yosiya mwe baakwatira Okuyitako okwo.
- 20 Awo oluvannyuma lw'ebyo byonna Yosiya bwe yamala okuteekateeka yeekaalu, Neeko kabaka w'e Misiri n'atabaala Kalukemisi mu kkubo lya Fulaati: Yosiya n'afulumu okulwana naye.
- 21 Naye n'atuma ababaka eri ye ng'ayogera nti Onvunaana ki, ggwe kabaka wa Yuda? sitabaala ggwe leero wabula ennyumba gye nnwana nayo; era Katonda andagidde okwanguwa: va ku Katonda ali nange aleme okukuzikiriza.
- 22 Naye Yosiya n'ataganya kukyusa amaaso ge okumuvaako, naye ne yeefuula okulwana naye, n'atawulira bigambo bya Neeko ebyava eri akamwa ka Katonda, n'ajja okulwanira mu kivonvu Megiddo.
- 23 Abalasi ne balasa kabaka Yosiya; kabaka n'aganba abaddu be nti Munziyeewo; kubanga nfumitiddwa nnyo.
- 24 Awo abaddu be ne bamuggya nu ggaali ne bamuteeka mu ggaali lye ery'okubiri lye yalina, ne bamuleeta e Yersaalemi; n'afa n'aziikibwa mu masiro ga bajajjaabe. Yuda yenna ne Yersaalemi ne bakaabira Yosiya.
- 25 Ne Yereimiya n'akungubagira Yosiya: n'abasajja bonna abayimbi n'abakazi abayimbi ne boogera ku Yosiya nu kukungubaga kwabwe ne leero; ne bakufuula etteeka mu Isiraeri: era, laba, kwawandiikibwa mu kukungubaga.
- 26 Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yosiya n'ebirungi bye yakola ng'ebyo bwe biri ebyawandiikibwa mu mateeka ga Mutama,
- 27 n'ebikolwa bye ebyasooka n'eby'amalirwako, laba, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isiraeri ne Yuda.

Essuula 36

- 1 Awo abantu ab'omu nsi ne baddirira Yekoyakaazi mutabani wa Yosiya ne bamufuula

- kabaka mu kifo kya kitaawe mu Yerusalemi.
- 2** Yekoyakaazi yali yaakamaze emyaka amakumi abiri nu esatu bwe yatanula okufuga; n'afugira emyezi esatu mu Yerusalemi.
 - 3** Kabaka w'e Misiri n'amugoba ku ntebe e Yerusalemi, n'aweesa ensi talanta eza ffeeza kikumi ne talanta eya zaabu.
 - 4** Kabaka w'e Misiri n'afuula Eriyakimu muganda we kabaka wa Yuda ne Yerusalemi, n'awaanyisa erinnya lye n'alifuula Yekoyakimu. Neeko n'atwala Yekoyakaazi muganda we n'amutwala e Misiri.
 - 5** Yekoyakimu yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu etaano bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusalem: n'akolanga ebyo ebyali mu maaso ga Mukama Katonda we ebibi.
 - 6** Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'amutabaala, n'amusiba mu masamba okumutwala e Babulooni.
 - 7** Era Nebukadduneeza n'atwala ku bintu eby'omu myumba ya Mukama e Babulooni, n'abiteeka mu yeekaalu ye e Babulooni.
 - 8** Era ebikolwa ebirala byonna ebya Yekoyakimu n'emizizo gye gye yakolanga n'ebyo ebyalabika mu ye, laba, byawandiikibwa mu kitabo kya bassekabaka ba Isiraeri ne Yuda: Yekoyakini mutabani we n'amuddira mu bigere.
 - 9** Yekoyakini yali yaakamaze emyaka munaana bwe yatanula okufuga; n'afugira emyezi esatu ko ennaku kkumi mu Yerusalemi: n'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebibi.
 - 10** Awo omwaka bwe gwadda kabaka Nebukadduneeza n'atuma n'amuleeta e Babulooni wamu n'ebintu ebirungi eby'omu nnyumba ya Mukama, n'afuula Zeddekiya muganda we kabaka wa Yuda ne Yerusalemi.
 - 11** Zeddekiya yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu gumu bwe yatanula okufuga; n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yerusalemi:
 - 12** n'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama Katonda we ebibi; teyeetoowaza mu maaso ga Yeremiya nnabbi ng'ayogera ebiva mu kamwa ka Mukama.
 - 13** Era n'ajeemera kabaka Nebukadduneeza eyali amulayizza Katonda: naye n'akakanyaza ensingo ye n'akalubya omutima gwe obutakyukira Mukama Katonda wa Isiraeri.
 - 14** Era nate abakulu bonna aba bakabona n'abantu ne basobya nnyo okugobereranga emizizo gyonna egy'ab'amawanga; ne bagwagwawaza ennyumba ya Mukama gye yatukuza mu Yerusalemi.
 - 15** Mukama Katonda wa bajjajjaabwe n'abatimiranga mu babaka be, ng'agolokoka mu makya n'atuma; kubanga yasaasira abantu be n'ekifo mw'abeera:
 - 16** naye ne baduuliranga ababaka ba Katonda ne banyoomanga ebighambo bye ne basekereranga bannabbi be okutuusa obusungu bwa Mukama lwe bwabaawo eri abantu be, ne watabaawo kuwona.
 - 17** Kyeyava abaleetako kabaka w'Abakaludaaya, n'attira abalenzi baabwe n'ekitala mu nnyumba ey'ekigwa kyabwe, ne batasaasira mulenzi newakubadde omuwala, omukadde newakubadde akootakoota: bonna yabagabula mu mukono gwe.
 - 18** N'ebintu byonna eby'omu nnyumba ya Katonda, ebikulu n'ebito, n'eby'obugagga eby'omu nnyumba ya Mukama n'eby'obugagga bya kabaka n'eby'abakulu be; ebyo byonna n'abireeta e Babulooni.
 - 19** Ne bookya ennyumba ya Katonda ne bamenyaamenya bbugwe wa Yerusalemi, ne bookya omuliro amayumba gaamu gonna, ne bazikiriza ebintu byamu byonna ebirungi.
 - 20** N'abo abaali bawonye ekitala n'abatwala e Babulooni; ne baba baddu eri ye n'eri batabani be okutuusa ku kufuga kw'obwakabaka bw'Obuperusi:

- 21** okutuukiriza ekigambo kya Mukama mu kamwa ka Yeremiya okutuusa ensi lwe yasanyukira ssabbiiti zaayo: kubanga ennaku zonna ze yazikira yakwata ssabbiiti; okuweza emyaka nsanvu.
- 22** Awo mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Kuulo kabaka w'e Buperusi, ekigambo kya Mukama mu kamwa ka Yeremiya kituukirire, Mukama n'akubiriza omwoyo gwa Kuulo kabaka w'e Buperusi, n'okulangira n'alangira okubuna obwakabaka bwe bwonna, n'okuwandiika n'abiwandiika ng'ayogera nti
- 23** Bw'atyo bw'ayogera Kuulo kabaka w'e Buperusi nti Obwakabaka bwonna obw'omu nsi Mukama Katanda w'eggulu abumpadde; era ankuutidde okumuzimbira ennyumba mu Yersaalemi ekiri mu Yuda. Buli ali mu mmwe ku bantu be bonna, Mukama Katonda we abeere naye, ayambuke.

Ezera

Essuula 1

- 1 Awo mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Kuulo kabaka w'e Buperusi, ekigambo kya Mukama mu kamwa ka Yeremiya kituukirire, Mukama n'akubiriza omwoyo gwa Kuulo kabaka w'e Buperusi n'okulangirira n'alangirira okubunya obwakabaka bwe bwonna, n'okuwandiika n'abiwandiika ng'ayogera nti
- 2 Bw'atyo bw'ayogera Kuulo kabaka w'e Buperusi nti Obwakabaka bwonna obw'omu nsi Mukama Katonda w'eggulu abumpadde; era ankuutidde okumuzimbira ennyumba mu Yersaalemi ekiri mu Yuda.
- 3 Buli ali mu mmwe ku bantu be bonna, Katonda we abeere naye, ayambuke mu Yersaalemi ekiri mu Yuda, azimbe ennyumba ya Mukama Katonda wa Isiraeri, (ye Katonda,) ali mu Yersaalemi.
- 4 Era buli asigadde mu kifo kyonna mw'abeera nga mugenyi, abasajja ab'omu kifo kye bamubeere ne ffeeza ne zaabu n'ebintu n'ebisolo, obutassaako ekyo kye bawaayo ku bwabwe eky'ennyumba ya Katonda eri mu Yersaalemi.
- 5 Awo emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza Yuda ne Benyamini ne bagolokoka, ne bakabona n'Abaleevi, bonna Katonda be yakubiriza omwoyo gwabwe okwambuka okuzimba ennyumba ya Mukama eri mu Yersaalemi.
- 6 Awo abo bonna ababeetoolodde ne banyweza emikono gyabwe n'ebintu ebya ffeeza ne zaabu n'ebintu n'ebisolo n'ebintu eby'omuwendo omungi obutassaako ebyo byonna bye baawaayo ku bwabwe.
- 7 Era Kuulo kabaka n'afulumya ebintu eby'omu nnyumba ya Mukama Nebukadduneeza bye yaggya mu Yersaalemi n'abiteeka mu ssabo lya bakatonda be:
- 8 ebyo Kuulo kabaka w'e Buperusi n'abifulumya mu mukono gwa Misuledasi omuwanika, n'abibalira Sesubazzali omukulu wa Yuda.
- 9 Era guno gwe muwendo gwabyo: essowaani eza zaabu amakumi asatu, essowaani eza ffeeza lukumi, obwambe amakumi abiri mu mwenda;
- 10 ebibya ebya zaabu amakumi asatu, ebibya ebya ffeeza eby'omutindo ogw'okubiri ebikumi bina mu kkumi, n'ebintu ebirala lukumi.
- 11 Ebintu byonna ebya zaabu n'ebya ffeeza byali enkumi ttaano mu ebikumi bina. Ebyo byonna Sesubazzali yabiggyayo n'abireeta, abanyage bwe baggibwa e Babulooni ne baleetebwa e Yersaalemi.

Essuula 2

- 1 Era bano be baana ab'omu ssaza, abaayambuka okuva mu busibe bw'abo abaatwal-ibwa, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni be yatwala e Babulooni, era abaddayo e Yersaalemi ne Yuda, buli muntu mu kibuga ky'ewaabwe;
- 2 abajja ne Zerubbaberi, Yesuwa, Nekkemiya, Seraya, Leeraya, Moluddekaayi, Birusani, Misupaali, Biguvayi, Lekumu, Baana. Omuwendo gw'abasajja b'abantu ba Isiraeri:
- 3 abaana ba Palosi, enkumi bbiri mu kikumi mu nsanvu mu babiri.
- 4 Abaana ba Sefatiya, ebikumi bisatu mu nsanvu mu babiri.
- 5 Abaana ba Ala, lusanvu mu nsanvu mu bataano.
- 6 Abaana ba Pakasumowaabu, ab'oku baana ba Yesuwa ne Yowaabu, enkumi bbiri mu lunaana mu kkumi mu babiri.
- 7 Abaana ba Eramu, lukumi mu ebikumi bibiri mu ataano mu bana.
- 8 Abaana ba Zattu, lwenda mu ana mu bataano.
- 9 Abaana ba Zakkayi, lusanvu mu nkaaga.

- 10 Abaana ba Bani, lukaaga mu ana mu babiri.
- 11 Abaana ba Bebayi, lukaaga mu abiri mu basatu.
- 12 Abaana ba Azugaadi, lukumi mu ebikumi bibiri mu abiri mu babiri.
- 13 Abaana ba Adonikamu, lukaaga mu nkaaga mu mukaaga.
- 14 Abaana ba Biguvaayi, enkumi bbiri mu ataano mu mukaaga.
- 15 Abaana ba Adini, ebikumi bina mu ataano mu bana.
- 16 Abaana ba Ateri, aba Keezeekiya, kyenda mu munaana.
- 17 Abaana ba Bezayi, ebikumi bisatu mu abiri mu basatu.
- 18 Abaana ba Yola, kikumi mu kkumi mu babiri.
- 19 Abaana ba Kasumu, ebikumi bibiri mu abiri mu basatu.
- 20 Abaana ba Gibbali, kyenda mu bataano.
- 21 Abaana ba Besirekemu, kikumi mu abiri mu basatu.
- 22 Abasajja b'e Netofa, amakumi ataano mu mukaaga.
- 23 Abasajja b'e Anasosi, kikumi mu abiri mu munaana.
- 24 Abaana ba Azumavesi, amakumi ana mu babiri.
- 25 Abaana ba Kiriaswalimu, Kefira, ne Beerosi, lusanvu mu ana mu basatu.
- 26 Abaana ba Laama ne Geba, lukaaga mu abiri mu omu.
- 27 Abasajja b'e Mikumasi, kikumi mu abiri mu babiri.
- 28 Abasajja b'e Beseri ne Ayi, ebikumi bibiri mu abiri mu basatu.
- 29 Abaana ba Nebo, amakumi ataano mu babiri.
- 30 Abaana ba Magubisi, kikumi mu ataano mu mukaaga.
- 31 Abaana ba Eramu omulala, lukumi mu ebikumi bibiri mu ataano mu bana.
- 32 Abaana ba Kalimu, ebikumi bisatu mu abiri.
- 33 Abaana ba Loodi, Kadidi, ne Ono, lusanvu mu abiri mu bataano.
- 34 Abaana b'e Yeriko, ebikumi bisatu mu ana mu bataano.
- 35 Abaana ba Senaa, enkumi ssatu mu lukaaga mu asatu.
- 36 Bakabona: abaana ba Yedaya, ab'omu nnyumba ya Yesuwa, lwenda mu nsanvu mu basatu.
- 37 Abaana ba Immeri, lukumi mu ataano mu babiri.
- 38 Abaana ba Pasukuli, lukumi mu ebikumi bibiri mu ana mu musanvu.
- 39 Abaana ba Kalimu, lukumi mu kkumi mu musanvu.
- 40 Abaleevi: abaana ba Yesuwa ne Kadumyeri, ab'oku baana ba Kodaviya, nsanvu mu bana.
- 41 Abayimbi: abaana ba Asafu, kikumi mu abiri mu munaana.
- 42 Abaana b'abaggazi: abaana ba Sallumu, abaana ba Ateri, abaana ba Talumoni, abaana ba Akkubu, abaana ba Katita, abaana ba Sobayi, bonna kikumi mu asatu mu mwenda.
- 43 Abanesinimu: abaana ba Zika, abaana ba Kasufa, abaana ba Tabbawoosi:
- 44 abaana ba Kerosi, abaana ba Siyaka, abaana ba Padoni:
- 45 abaana ba Lebana, abaana ba Kagaba, abaana ba Akkabu;
- 46 abaana ba Kagabu, abaana ba Samulaayi, abaana ba Kanani;
- 47 abaana ba Gidderi, abaana ba Gakali, abaana ba Leyaya;
- 48 abaana ba Lezini, abaana ba Nekoda, abaana ba Gazzamu;
- 49 abaana ba Uzza, abaana ba Paseya, abaana ba Besayi;
- 50 abaana ba Asuna, abaana ba Meyunimu, abaana ba Nefisimu;
- 51 abaana ba Bakubuki, abaana ba Kakufa, abaana ba Kalukuli;
- 52 abaana ba Bazulusi, abaana ba Mekida, abaana ba Kalusa
- 53 abaana ba Balukosi, abaana ba Sisera, abaana ba Tema;
- 54 abaana ba Neziya, abaana ba Katifa.
- 55 Abaana b'abaddu ba Sulemaani: abaana ba Sotayi, abaana ba Kassoferesi, abaana ba Peruda;

- 56 abaana ba Yaala, abaana ba Dalukoni, abaana ba Gidderi;
- 57 abaana ba Sefatiya, abaana ba Kattiri, abaana ba Pokeresukazzebayimu, abaana ba Ami.
- 58 Abanesinimu bonna n'abaana b'abaddu ba Sulemaani baali ebikumi bisatu mu kyenda mu babiri.
- 59 Era bano be baayambuka okuva e Terumeera, e Terukalusa, e Kerubu, e Yaddani n'e Immeri: naye ne batayinza kulaga nnyumba za bakitaabwe n'okuzaalibwa kwabwe oba nga ba Isiraeri:
- 60 abaana ba Deraya, abaana ba Tobiya, abaana ba Nekoda, lukaaga mu ataano mu babiri.
- 61 Ne ku baana ba bakabona: abaana ba Kabaya, abaana ba Kakkozi, abaana ba Baluzirayi eyawasa omukazi ku bawala ba Baluzirayi Omugireyaadi, n'atumibwa ng'erinyanya lyabwe bwe lyali.
- 62 Abo ne banoonya amannya gaabwe mu abo abaabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, naye ne batalabika: kyeabaava bababoola ne babagoba mu bwakabona.
- 63 Tirusaasa n'abagamba balemenga okulya ku bintu ebitukuvu ennyo okutuusa lwe walibaawo kabona alina Ulimu ne Sumimu.
- 64 Ekibiina kyonna okugatta kyali obukumi buna mu enkumi bbiri mu ebikumi bisatu mu nkaaga,
- 65 obutassaako baddu baabwe n'abazaana baabwe, omuwendo gwabwe kasanvu mu ebikumi bisatu mu asatu mu musanvu: era baalina abasajja abayimbi n'abakazi abayimbi ebikumi bibiri.
- 66 Embalaasi zaabwe zaali lusavvu mu asatu mu mukaaga; ennyumbu zaabwe ebikumi bibiri mu ana mu ttaano;
- 67 eamira zaabwe ebikumi bina mu asatu mu ttaano; endogoyi zaabwe kakaaga mu lusavvu mu abiri.
- 68 Awo abamu ku mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe bwe bajja mu nnyumba ya Mukama eri mu Yerusaalemi ne bawaayo ku bwabwe olw'ennyumba ya Katonda okugisimba mu kifo kyayo:
- 69 ne bawa ng'obuyinza bwabwe bwe bwali mu ggwanika ery'omulimu daliki obukumi mukaaga mu lukumi eza zaabu, ne laateri eza ffeeza enkumi ttaano, n'ebyangala bya bakabona kikumi.
- 70 Awo bakabona n'Abaleevi n'abamu ku bantu n'abayimbi n'abaggazi n'Abanesinimu ne babeeranga mu bibuga byabwe ne Isiraeri yenna mu bibuga byabwe.

Essuula 3

- 1 Awo omwezi ogw'omusanvu bwe gwatuuka, abaana ba Isiraeri nga bali mu bibuga, abantu ne bakugnaanira e Yerusaalemi ng'omuntu omu.
- 2 Awo Yesuwa mutabani wa Yozadaki n'ayimirira, ne baganda be bakabona, ne Zerubaberi mutabani wa Seyalutyeri, ne baganda be, ne bazimba ekyoto kya Katonda wa Isiraeri okuweerangayo okwo ebiweebwayo ebyokebwa, nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa omusajja wa Katonda.
- 3 Ne basimba ekyoto ku ntebe yaakyo; kubanga entiisa yabaliko olw'abantu ab'omu nsi: ne baweerayo okwo ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama, ebiweebwayo ebyokebwa enkya n'akawungeezi.
- 4 Ne bakwatanga embaga ey'ensiisira nga bwe kyawandiikibwa ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa ebya buli lunaku ng'omuwendo gwabyo bwe gwali, ng'ekiragiro bwe kyali, ng'ebyangwanira buli lunaku bwe byali;
- 5 n'oluvannyuma ekiweebwayo ekyokebwa eky'emirembe gyonna, n'ebiweebwayo

- eby'emyezi egyakaboneka n'eby'embaga zonna eza Mukama ezaalagirwa, n'ebya buli muntu eyawaayo ng'ayagadde ekiweebwayo ku bubwe eri Mukama.
- 6 Ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'omusanvu kwe baasookera okuwaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Mukama: naye emisingi gya yeekaalu ya Mukama nga teginnaba kussibwawo.
 - 7 Era ne bawa abazimbi n'ababazzi effeeza; n'ebyokulya n'ebyokunywa n'amafuta ne babiwa w'e Sidoni n'ab'e Ttuulo, okuggya emivule ku Lebanooni okugireta ku nnyanja e Yopa nga Kuulo kabaka w'e Buperusi bwe yabalagira.
 - 8 Awo mu mwaka ogw'okubiri kasookedde bajja eri ennyumba ya Katonda e Yerusalemi, mu mwezi ogw'okubiri, Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri mwe yasookera ne Yesuwa mutabani wa Yozadaki ne baganda baabwe abalala bakabona n'Abaleevi n'abo abaali bavudde mu busibe obwo ne bajja e Yerusalemi; ne balagira Abaleevi abaakamaze emyaka amakumi asatu n'okukirawo okulabirira omulimu ogw'omu nnyumba ya Mukama.
 - 9 Awo Yesuwa n'ayimirira ne batabani be ne baganda be, Kadumyeri ne batabani be, batabani ba Yuda, wamu okulabirira abakozi mu nnyumba ya Katonda: batabani ba Kenadadi ne batabani baabwe ne baganda baabwe Abaleevi.
 - 10 Awo abazimbi bwe bassaawo emisingi gya yeekaalu ya Mukama, ne bateeka bakabona nga bambadde ebyambalo byabwe nga balina amakondeere, n'Abaleevi batabani ba Asafu nga balina ebataasa, okutendereza Mukama, nga Dawudi kabaka wa Isiraeri bwe yateekateeka.
 - 11 Ne bayimbiragana nga batendereza nga beebaza Mukama nga boogera nti Kubanga mulungi, n'okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna eri Isiraeri. Abantu bonna ne boogerera waggulu n'eddoboozi ddene bwe baatendereza Mukama, kubanga emisingi gy'ennyumba ya Mukama gissibwawo.
 - 12 Naye bangi ku bakabona n'Abaleevi n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, abakadde abaalaba ennyumba eyasooka, emisingi gy'ennyumba eno bwe gyassibwayo mu maaso gaabwe, ne bakaaba amaziga n'eddoboozi ddene; bangi ne boogerera waggulu n'essanyu:
 - 13 abantu n'okuyinza ne batayinza kwawula ddoboozi lya kwogerera waggulu n'essanyu n'eddoboozi ery'okukaaba kw'abantu: kubanga abantu baayogerera waggulu n'eddoboozi ddene, oluyoogaano ne luwulirirwa wala.

Essuula 4

- 1 Awo abalabe ba Yuda ne Benyamini bwe baawulira ng'abaana b'obusibe bazimbira yeekaalu Mukama Katonda wa Isiraeri;
- 2 ne balyoka basemberera Zerubbaberi, n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ne babagamba nti Ka tuzimbire wamu nammwe: kubanga tunoonya Katonda wammwe era nga nammwe; era tuwaayo ssaddaaka eri ye okuva ku mirembe gya Esaludaddoni kabaka w'e Bwasuli eyatulinniyisa wano.
- 3 Naye Zerubbaberi ne Yesuwa n'emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe eza Isiraeri abalala ne babagamba nti Temulina kigambo naffe okuzimba ennyumba eri Katonda waffe; naye ffe fekka wamu tulizimba eri Mukama Katonda wa Isiraeri nga kabaka Kuulo Kabaka w'e Buperusi bwe yatulagira.
- 4 Awo abantu ab'omu nsi ne banafuya emikono gy'abantu ba Yuda ne babateganya mu kuzimba,
- 5 ne bagulirira ab'okusala amagezi okubaziyiza okutta okuteesa kwabwe emirembe gyonna egya Kuulo kabaka w'e Buperusi okutuusa Daliyo kabaka w'e Buperusi lwe yalya obwakabaka.

- 6 Ne ku mirembe gya Akaswero nga kyajje alye obwakabaka ne bawandiika okuloopa abaali mu Yuda ne Yersaalemi.
- 7 Ku mirembe gya Alutagizerugizi Bisulamu n'awandiika ne Misuledasi ne Tabeeri ne banne abalala eri Alutagizerugizi kabaka w'e Buperusi: era ebbaluwa yawandiikirwa mu nnukuta ez'e Kisuuli, ne mu lulimi Olusuuli.
- 8 Lekumu ow'essaza ne Simusaayi omuwandiisi ne bawandiika ebbaluwa eri Alutagizerugizi kabaka okuloopa Yersaalemi bwe bati:
- 9 awo Lekumu owessaza ne Simusaayi omuwandiisi ne bannaabwe abalala ne bawandiika; Abadinayi n'Abafalasaluki n'Abataluperi n'Abafalusi n'Abalukevi n'Abababulooni n'Abasusanuki n'Abadekayi n'Abaweramu,
- 10 n'amawanga gonna amalala Osunappali omukulu ow'ekitiibwa ge yasomosa n'ateeka mu kibuga ky'e Samaliya ne mu nsi endala eri emitala w'omugga, n'ebirala bwe bityo.
- 11 Ebbaluwa eno eggiddwa mu bbaluwa gye baaweezeza Alutagizerugizi kabaka; Abaddu bo abasajja abali emitala w'omugga n'ebirala bwe bityo.
- 12 Kabaka ategeere nga Abayudaaya abaava gy'oli ne bambuka batuuse gye tuli e Yersaalemi; bazimba ekibuga ekyo ekijeemu ekibi, era bamaze bbugwe, era bamaze okuddaabiriza emisingi.
- 13 Kabaka nno ategeere ekibuga ekyo bwe kirizimbibwa ne bbugwe bw'aliggwa okukola, nga tebaliwa musolo, ebisalibwa, newakubadde empooza, kale enkomerero bakabaka balifiirwa.
- 14 Kale kubanga tulya omunnyo ogw'omu lubiri, so tetugwana kulaba kabaka ng'anyoomebwa, kyetwava tutuma ne tutegeeza kabaka;
- 15 banoonye mu kitabo eky'okujjukiza ekya bajajjaabo: bw'otyoo bw'olisanga mu kitabo eky'okujjukiza, n'otegeera ng'ekibuga ekyo kibuga kijeemu, era nga kyonoona bakabaka n'amasaza era nga baajeemyanga abantu mu ekyo mu biro eby'edda: ekibuga ekyo kyekeyava kizikirizibwa.
- 16 Tutegeeza kabaka, ekibuga ekyo bwe kirizimbibwa ne bbugwe bw'aliggwa okukola, nga olw'ekyo toliba na kitundu emitala w'omugga.
- 17 Awo kabaka n'atumira Lekumu owessaza ne Simusaayi omuwandiisi ne bannaabwe abalala abaali mu Samaliya ne mu nsi endala eri emitala w'omugga n'addamu nti Emirembe n'ebirala bwe bityo.
- 18 Ebbaluwa gye mwatuweezeza esomeddwa mu maaso gange ne ngitegeera.
- 19 Ne nteeka etteeka, ne banoonya, era balabye ng'ekibuga ekyo okuva mu biro eby'edda kyasaliranga bakabaka enkwe, n'obujeemu n'ekyejo byakolerwanga omwo.
- 20 Era waabangawo bakabaka ab'amaanyi abaakulira Yersaalemi abaafuganga ensi yonna eri emitala w'omugga: era baaweebwanga omusolo, ebisalibwa, n'empooza.
- 21 Muteeke nno etteeka abasajja bano balekere awo, ekibuga ekyo kireme okuzimbibwa okutuusa lwe nditeeka etteeka eddala.
- 22 Era mwekuume muleme okutenguwa mu kino: akabi kandikulidde ki bakabaka ne bafiirwa?
- 23 Awo ebbaluwa eggiddwa mu bbaluwa ya kabaka Alutagizerugizi bwe yasomerwa mu maaso ga Lekumu ne Simusaayi omuwandiisi ne bannaabwe, ne balyoka banguwa ne bagenda e Yersaalemi eri Abayudaaya, ne babalekesaayo n'amaanyi n'amawaggali.
- 24 Awo omulimu ogw'omu nnyumba ya Katonda eri mu Yersaalemi ne gulekebwayo; gwalekebwayo okutuusa omwaka ogw'okubiri ogw'okufuga kwa Daliyo kabaka We Buperusi.

Essuula 5

- 1 Awo bannabbi, Kaggayi nnabbi ne Zekkaliya mutabani wa Iddo, ne balagulira Abayudaaya abaali mu Yuda ne Yersaalemi; mu linnya lya Katonda wa Isiraeri mwe baabalagulirira.
- 2 Awo Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri n'agolokoka ne Yesuwa mutabani wa Yozadaki, ne batanula okuzimba ennyumba ya Katonda eri mu Yersaalemi: era wamu nabo waaliwo bannabbi ba Katonda nga babayamba.
- 3 Mu biro ebyo ne wajja gye bali Tattenayi owessaza ly'emitala w'omugga ne Sesalubozenayi ne bannaabwe ne babagamba bwe batyo nti Ani eyabawa etteeka okuzimba ennyumba eno n'okumala bbugwe ono?
- 4 Awo ne tubagamba bwe tutyo nti Abasajja abakola ennyumba eno amannya gaabwe b'ani?
- 5 Naye amaaso ga Katonda waabwe gaali ku bakadde b'Abayudaaya, ne batabalekesaayo okutuusa ekigambo lwe kirituuka eri Daliyo eby'okuddamu ne bizzibwa mu bbaluwa olw'ekigambo ekyo.
- 6 Ebbaluwa eggiddwa mu bbaluwa Tattenayi owessaza ly'emitala w'omugga ne Sesalubozenayi ne banne, Abafalusaki, abaali emitala w'omugga, gye baaweereza Daliyo kabaka:
- 7 ne bamuweereza ebbaluwa eyawandiikibwa eti nti Eri Daliyo kabaka mireembe myereere.
- 8 Kabaka ategeere nga twajja mu ssaza lya Yuda mu nnyumba ya Katonda omukulu ezimbibwa n'amayinja amanene, era emiti giteekebwa mu bisenge, n'omulimu guno gugenda nga gweyongera n'okunyiikira mu mikono gyabwe.
- 9 Awo ne tubuuza abakadde abo ne tubagamba bwe tutyo nti Ani eyabawa etteeka okuzimba ennyumba eno n'okumala bbugwe ono?
- 10 Era ne tubabuuza n'amannya gaabwe; okukutegeeza, tuwandiike amannya g'abasajja ababakulira.
- 11 Kale ne baddamu bwe batyo nti Tuli baddu ba Katonda w'eggulu n'ensi, era tuzimba ennyumba eyazimbibwa edda emyaka giri emingi kabaka wa Isiraeri omukulu gye Yazimba n'amala.
- 12 Naye oluvannyuma bajjajjaffe bwe baali basunguwazizza Katonda w'eggulu, n'abagabula mu mukono gwa Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni Omukaludaaya, eyazikiriza ennyumba eno n'atwala abantu e Babulooni.
- 13 Naye mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Kuulo kabaka w'e Babulooni, Kuulo kabaka n'ateeka etteeka okuzimba ennyumba eno eya Katonda.
- 14 Era n'ebintu eby'omu nnyumba ya Katonda ebya zaabu n'ebya ffeeza, Nebukadduneeza bye yaggya mu yeekaalu eyali mu Yersaalemi n'abireeta mu yeekaalu ey'e Babulooni, ebyo Kuulo kabaka n'abiggya mu yeekaalu ey'e Babulooni, ne babiwa omuntu erinnya lye Sesubazzali gwe yali afudde owessaza;
- 15 n'amugamba nti Twala ebintu bino, ogende obiteeke mu yeekaalu eri mu Yersaalemi, ennyumba ya Katonda ezimbibwe mu kifo kyayo.
- 16 Awo Sesubazzali oyo n'ajja n'assaawo emisingi gy'ennyumba ya Katonda eri mu Yersaalemi: kale okuva ku biro ebyo na buli kati nga bagizimba, era naye tennaba kuggwa.
- 17 Kale nno oba nga kabaka asiima banoonye mu ggwanika lya kabaka eriri eyo e Babulooni, oba nga bwe biri bwe bityo, ng'etteeka lyateekebwa erya Kuulo kabaka okuzimba ennyumba eno eya Katonda e Yersaalemi, kabaka atutumire atutegeeze bw'anaasiima mu kigambo kino.

Essuula 6

- 1 Awo Daliyo kabaka n'alyoka ateeka etteeka, ne banoonya nu nnyumba eterekerwamu ebitabo by'obugagga gye byaterekerwa mu Babulooni.
- 2 Ne balabira e Yakunesa mu lubiri oluli mu ssaza ery'Obumeedi omuzingo, ogwawandiikibwamu bwe gutyo okuba ekijjukizo nti
- 3 Mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Kuulo kabaka, Kuulo kabaka n'ateeka etteeka olw'ennyumba ya Katonda eri e Yersaalemi, ennyumba ezimbibwe, ekifo mwe baweerayo ssaddaaka, n'emisingi gyayo gissibwewo ginywezebwe; obugulumivu bwayo emikono nkaaga, n'obugazi bwayo emikono nkaaga;
- 4 n'embu ssatu ez'amayinja amanene n'olubu olw'emiti emiggya: era ebintu bye balifiirwa biggibwe mu nnyumba ya kabaka:
- 5 era nate ebintu eby'omu nnyumba ya Katonda ebya zaabu n'ebya ffeeza Nebukad-duneeza bye yaggya mu yeekaalu eri e Yersaalemi, n'abireeta e Babulooni, bizzibweyo bireetebwe nate mu yeekaalu eri e Yersaalemi, kinnakimu mu kifo kyakyo, era olibiteeka mu nnyumba ya Katonda.
- 6 Kale nno, Tattenayi owessaza ery'emitala w'omugga, Sesalubozenayi, ne bannammwe Abafalusaki abali emitala w'omugga, mwesambe wala:
- 7 muleke omulimu ogw'omu nnyumba eno eya Katonda; owessaza ow'omu Bayudaaya n'abakadde b'Abayudaaya bazimbe ennyumba eno eya Katonda mu kifo kyayo.
- 8 Era nate nteeka etteeka kye muba mukola abakadde bano ab'Abayudaaya olw'okuzimba ennyumba ya Katonda eno: baggye ku bintu bya kabaka ku musolo ogw'emitala w'omugga bawe abasajja bano bye balifiirwa n'okunyiikira kwonna, baleme okuziyizibwa.
- 9 N'ebyo bye baneetaaganga, ente ento era n'endiga ennume n'abaana b'endiga okuba ebiweebwayo ebyokebwa eri Katonda w'eggulu, eaano, omunnyo, omwenge, n'amafuta, ng'ekigambo bwe kinaabanga ekya bakabona abali e Yersaalemi, baweebwenga buli lunaku obutayosa:
- 10 bawengayo ssaddaaka ez'evvumbe eddungi eri Katonda w'eggulu, era basabire obulamumu bwa kabaka n'obwa batabani be.
- 11 Era nteese etteeka buli anaawaanyisanga ekigambo kino, omuti guggibwenga mu nnyumba ye, era asitulibwenga asibibwenga okwo; n'ennyumba ye efuulibwenga olubungo olw'ekyo:
- 12 era Katonda eyabeesaayo erinnya lye asuule bakabaka bonna n'amawanga abanaagololanga emikono gyabwe okuwaanyisa ekyo, okuzikiriza ennyumba eno eya Katonda eri e Yersaalemi. Nze Daliyo nteese etteeka; likolebwe n'okunyiikira kwonna.
- 13 Awo Tattenayi owessaza ery'emitala w'omugga, Sesalubozenayi, ne bannaabwe, kubanga Daliyo antumye, ne bakola bwe batyo n'okunyiikira kwonna.
- 14 Awo abakadde b'Abayudaaya ne bazimba ne balaba omukisa olw'okulagula kwa Kaggayi nnabbi ne Zekkaliya mutabani wa Iddo. Ne bazimba ne bagimala ng'ekiragiro bwe kyali ekya Katonda wa Isiraeri, era n'ekiragiro kya Kuulo ne Daliyo ne Alutagizerugizi kabaka w'e Buperusi.
- 15 Awo ennyumba eno n'emalirwa ku lunaku olw'okusatu olw'omwezi Adali, ogw'omu mwaka ogw'omukaaga ogw'okufuga kwa Daliyo kabaka.
- 16 Awo abaana ba Isiraeri, bakabona n'Abaleevi, n'abaana b'obusibe abalala, ne bakwata n'essanyu embaga ey'okutukuza ennyumba eno eya Katonda.
- 17 Ne baweerayo mu kutukuza ennyumba eno eya Katonda ente kikumi, endiga ennume ebikumi bibiri, abaana b'endiga ebikumi bina; n'okuba ekiweebwayo olw'ekibi ekya Isiraeri yenna, embuzi ennume kkumi na bbiri ng'omuwendo bwe gwali ogw'ebika

bya Isiraeri.

- 18 Ne bateeka bakabona nga bwe baagerekwa; n'Abaleevi mu mpalo zaabwe, olw'okuweereza Katonda ali e Yersaalemi; nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kya Musa.
- 19 Awo abaana b'obusibe ne bakwatira Okuyitako ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi ogw'olubereberye.
- 20 Kubanga baikabona n'Abaleevi baali beerongoosezza wamu; bonna baali balongoofu: ne battira Okuyitako abaana bonna ab'obusibe ne baganda baabwe bakaboa nabo bennyini.
- 21 Awo abaana ba Isiraeri abaali bakomyewo okuva mu busibe n'abo bonna abaali beeyawudde gye bali okuva mu bugwagwa bwa bannaggwanga ab'omu nsi okunoonya Mukama Katonda wa Isiraeri,
- 22 ne balya ne bakwatira embaga ey'emigaati egitazimbulukuswa n'essanyu ennaku kkumi na musanvu: kubanga Mukama yali abasanyusizza, era yali akyusizza omutima gwa kabaka w'e Bwasuli gye bali, okunyweza emikono gyabwe mu mulimu ogw'omu nnyumba ya Katonda, Katonda wa Isiraeri.

Essuula 7

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo ku mirembe gya Alutagizerugizi kabaka w'e Buperusi Ezera mutabani wa Seraya mutabani wa Azaliya mutabani wa Kirukiya
- 2 mutabani wa Sallumu mutabani wa Zadoki mutabani wa Akitubu
- 3 mutabani wa Amaliya mutabani wa Azaliya mutabani wa Merayoosi
- 4 mutabani wa Zerakiya mutabani wa Uzzi mutabani wa Bukki
- 5 mutabani wa Abisuwa mutabani wa Finekaasi mutabani wa Ereyazaali mutabani wa Alooni kabona asinga obukulu:
- 6 Ezera oyo n'ayambuka ng'ava e Babulooni; era yali muwandiisi mwangu mu mateeka ga Musa, Mukama Katonda wa Isiraeri ge yawa; kabaka n'amuwa byonna bye yasaba, olw'omukono gwa Mukama Katonda we ogwali ku ye.
- 7 Awo abamu ku baana ba Isiraeri ne bambuka ne ku bakabona n'Abaleevi n'abayimbi n'abaggazi ne Banesinimu ne bajja e Yersaalemi mu mwaka ogw'omusanvu ogwa Alutagizerugizi kabaka.
- 8 N'ajja e Yersaalemi mu mwezi ogw'okutaano ogw'omu mwaka ogw'omusanvu ogwa kabaka.
- 9 Kubanga ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye kwe yasookera okwambuka okuva e Babulooni, ne ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'okutaano kwe yatuukira e Yersaalemi, olw'omukono omulungi ogwa Katonda we ogwali ku ye.
- 10 Kubanga Ezera yali akakasizza omutima gwe okunoonya amateeka ga Mukama n'okugakolanga n'okuyigirizanga mu Isiraeri amateeka n'emisango.
- 11 Era ebbaluwa eno yaggibwa mu bbaluwa kabaka Alutagizerugizi gye yawa Ezera kabona, omuwandiisi, omuwandiisi w'ebigambo eby'ebiragiyo bya Mukama era ow'amateeka eri Isiraeri.
- 12 Alutagizerugizi kabaka wa bakabaka awandiikidde Ezera kabona, omuwandiisi w'amateeka ga Katonda w'eggulu eyatuukirira n'ebirala bwe bityo.
- 13 Nteeka etteeka bonna ab'oku bantu ba Isiraeri ne bakabona baabwe n'Abaleevi mu bwakabaka bwange abaagala ku bwabwe ddala okugenda e Yersaalemi, bagende naawe.
- 14 Kubanga otumiddwa kabaka n'abateesa naye omusanvu okubuuza ebigambo bya Yuda ne Yersaalemi, ng'amateeka bwe gali aga Katonda wo agali mu mukono gwo;

- 15 n'okutwala ffeeza ne zaabu kabaka n'abateesa naye gye bawaddeyo ku bwabwe eri Katonda wa Isiraeri, ekifo kye ky'abeeramu kiri mu Yerusaalemi,
- 16 ne ffeeza yonna ne zaabu gy'olisanga mu ssaza lyonna ery'e Babulooni, wamu n'ekiweebwayo ku bwabwe eky'abantu n'ekya bakabona, nga bawaayo ku bwabwe olw'ennyumba ya Katonda waabwe eri mu Yerusaalemi;
- 17 kyoliva onyiikira ennyo okugula ebintu bino ente, endiga ennume, abaana b'endiga, n'ebiweebwayo byako eby'obutta, n'ebiweebwayo byako ebyokunywa, era olibiweerayo ku kyoto eky'omu nnyumba ya Katonda wammwe eri mu Yerusaalemi.
- 18 Era kyonna kyonna kye mulisiima okukola effeeza erifikkawo ne zaabu ggwe ne baganda bo, ekyo mukikolanga nga Katonda wammwe bw'ayagala.
- 19 N'ebintu by'oweebwa olw'okuweereza okw'omu nnyumba ya Katonda wo obiwangayo mu maaso ga Katonda w'e Yerusaalemi.
- 20 Era byonna ennyumba ya Katonda wo by'eryetaaga okusukkirizaawo ebirikugwanira okuwaayo, obiwangayo ng'obiggya mu nnyumba y'eggwanika lya kabaka.
- 21 Nange, nze Alutagizerugizi kabaka, nteeka etteeka eri abawanika bonna abali emitala w'omugga, Ezera kabona omuwandiisi w'amateeka ga Katonda w'eggulu buli ky'alibasalira, kikolebwenga n'okunyiikira kwonna,
- 22 okutuusa talanta eza ffeeza kikumi, n'ebigero by'eaano kikumi, n'ebita by'omwenge kikumi, n'ebita by'amafuta kikumi, n'omunyo obutagwogera bwe guba gwenkana.
- 23 Buli ekinaalagirwanga Katonda w'eggulu kikolerwenga ddala olw'ennyumba ya Katonda w'eggulu; kubanga obusungu bwandibeereddewo ki eri obwakabaka bwa kabaka ne batabani be?
- 24 Era tubannyonyola ebya bakabona n'Abaleevi, abayimbi, abaggazi, Abanesinimu, oba abaddu b'ennyumba eno eya Katonda, bonna bwe benkana, tekiiyinzikenga kubasalira musolo newakubadde ebisalirwa newakubadde empooza.
- 25 Naawe, Ezera, ng'amagezi ga Katonda wo bwe gali agali mu mukono gwo, londa abaami n'abalamuzi balamulenga abantu bonna abali emitala w'omugga, bonna abamanyi amateeka ga Katonda wo; n'oyo atagamanyi mumuyigirizenga.
- 26 Era buli atakkirizenga kukwata mateeka ga Katonda wo n'amateeka ga kabaka, omusango bagukomekerezenga ku ye n'okunyiikira kwonna, oba gwa kuttibwa, oba gwa kugobebwa, oba gwa kunyagibwako ebibye, oba gwa kusibibwa.
- 27 Mukama yeebazibwe Katonda wa bajjajjaffe, eyateeka ekigambo ekyenkanidde awo mu mutima gwa kabaka, okuyonja ennyumba ya Mukama eri mu Yerusaalemi;
- 28 era eyannyongerako okusaasirwa mu maaso ga kabaka, n'abateesa naye ne mu maaso g'abakulu bonna aba kabaka ab'amaanyi. Ne mpeebwa amaanyi olw'omukono gwa Mukama Katonda wange ogwali ku nze, ne nkuaanya mu Isiraeri abakulu okwambuka nange.

Essuula 8

- 1 Era bano gye mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, era kuno kwe kuzaalibwa kw'abo abaayambuka nange okuva e Babulooni ku mirembe gya Alutagizerugizi kabaka.
- 2 Ku batabani ba Finekaasi, Gerusomu: ku batabani ba Isamali, Danyeri: ku batabani ba Dawudi, Kattusi.
- 3 Ku batabani ba Sekaniya; ku batabani ba Palosi, Zekkaliya; era wamu naye ne wabalibwa ng'okuzaalibwa kw'abasajja bwe kwali, kikumi mu ataano.
- 4 Ku batabani ba Pakasumowaabu, Erwenayi mutabani wa Zerakiya; era wamu naye abasajja ebikumi bibiri.
- 5 Ku batabani ba Sekaniya, mutabani wa Yakazyeri; era wamu naye abasajja ebikumi bisatu.

- 6 Ne ku batabani ba Adini, Ebedi mutabani wa Yonasaani; era wamu naye abasajja amakumi ataauro.
- 7 Ne ku batabani ba Eramu, Yesaya mutabani wa Asaliya, era awamu naye absajja nsanvu.
- 8 Ne ku batabani ba Sefatiya, Zebadiya mutabani wa Mikayiri; era wamu naye abasajja kinaana.
- 9 Ku batabani ba Yowaabu, Obadiya mutabani wa Yekyeri; era wamu naye abasajja ebikumi bibiri mu kkumi mu munaana.
- 10 Ne ku batabani ba Seromisi, mutabani wa Yosifiya; era wamu naye abasajja kikumi mu nkaaga.
- 11 Ne ku batabani ba Bebayi, Zekkaliya mutabani wa Bebayi; era wamu naye abasajja amakumi abiri mu munaana.
- 12 Ne ku batabani ba Azugadi, Yokanani mutabani wa Kakkatani; era wamu naye abasajja kikumi mu kkumi.
- 13 Ne ku batabani ba Adonikamu ab'oluvannyuma; era gano ge gammnya gaabwe, Erifereti, Yeweri, ne Semaaya, era wamu nabo abasajja nkaaga.
- 14 Ne ku batabani ba Biguvayi, Usayi ne Zabbudi; era wamu nabo abasajja nsanvu.
- 15 Ne mbakuaanyiza ku mugga ogugenda e Yakava; ne tusiisira ne tumalayo ennaku ssatu: ne nneetegereza abantu ne bakabona, ne ssirabayo n'omu ku batabani ba Leevi.
- 16 Awo ne ntumya Eryeza, Alyeri, Semaaya, ne Erunasani, ne Yalibu, ne Erunasani, ne Nasani, ne Zekkaliya, ne Mesullamu, abasajja abakulu: era ne Yoyalibu ne Erunasani, abayigiriza.
- 17 Ne mbatuma okugenda eri Iddo, omukulu w'ekifo Kasifiya; ne mbabuulira bye baba bagamba Iddo ne baganda be Abanesinimu, mu kifo ekyo Kasifiya, baleete gye tuli abaweereza ab'omu nnyumba ya Katonda waffe.
- 18 Awo olw'omukono omulungi ogwa Katonda waffe ogwali ku ffe ne batuleetera omusajja ow'amagezi, ow'oku batabani ba Makuli, mutabani wa Leevi, mutabani wa Isiraeri; ne Serebiya ne batabani be ne baganda be, kkumi na munaana;
- 19 ne Kasabiya, era wamu naye Yesaya ow'oku batabani ba Merali, baganda be ne batabani baabwe, amakumi abiri;
- 20 ne ku Banesinimu, Dawudi n'abakulu be baawaayo olw'okuweereza Abaleevi, Abanesinimu ebikumi bibiri mu abiri: bonna ne baatulwa amannya gaabwe.
- 21 Awo ne nnangirira okusiiba eyo, ku mugga Akava, twetoowaze mu maaso ga Katonda waffe, okunoonya gy'ali ekkubo eggolokofu, eryaffe, era ery'abaana baffe abato, era ery'ebintu byaffe byonna.
- 22 Kubanga ensanyi zankwata okusaba kabaka ekitongole ky'abaserikale n'abeebagala embalaasi okutuyamba eri abalabe mu kkubo: kubanga twali twogedde ne kabaka nti Omukono gwa Katonda waffe guba ku abo bonna abamunoonya olw'obulungi; naye obuyinza bwe n'obusungu bwe buli eri abo bonna abamuleka.
- 23 Awo ne tusiiba ne tusaba Katonda ekigambo kino: ne tumwegayirira.
- 24 Awo ne njawula kkumi na babiri ku bakulu ba bakabona, Serebiya, Kasabiya, n'ekkumi ku baganda baabwe wamu nabo,
- 25 ne mbagerera effeeza n'ezzaabu n'ebintu, kye kiweebwayo olw'ennyumba ya Katonda waffe, kabaka n'abateesa naye n'abakungu be ne Isiraeri yenna abaali eyo bye baawaayo:
- 26 nze ne ngerera ddala mu mukono gwabwe talanta eza ffeeza lukaaga mu ataano, n'ebintu ebya ffeeza talanta kikumi; zaabu talanta kikumi;
- 27 n'ebibya ebya zaabu amakumi abiri, ebya daliki lukumi; n'ebintu bibiri eby'ebikomo ebirungi ebizigule, eby'omuwendo nga zaabu.
- 28 Ne mbagamba nti Muli batukuvu eri Mukama, n'ebintu bitukuvu; ne ffeeza ne zaabu

kye kiweebwayo ku bwammwe eri Mukama wa bajjajjammwe.

- 29 Mutunule mubikuume okutuusa lwe mulibipima mu maaso g'abakulu ba bakabona n'Abaleevi n'abakulu b'ennyumba za bakitaabwe eza Isiraeri mu Yersaalemi mu bisenge eby'omu nnyumba ya Mukama.
- 30 Awo bakabona n'Abaleevi ne batoola ffeeza ne zaabu n'ebintu ng'obuzito bwabyo bwe bwali okubireeta e Yersaalemi mu nnyumba ya Katonda waffe.
- 31 Awo ne tuvaayo ku mugga Akava ku lunaku olw'ekkumi n'ebbiri olw'omwezi ogw'olubereberye okugenda e Yersaalemi: n'omukono gwa Katonda waffe gwali ku ffe, n'atuwonya mu mukono gw'omulabe n'omuteezi mu kkubo.
- 32 Ne tujja e Yersaalemi ne tumalayo ennaku ssatu.
- 33 Awo ku lunaku olw'okuna ne bapimira ffeeza ne zaabu n'ebintu mu nnyumba ya Katonda waffe okubikwasa mu mukono gwa Meremoosi mutabani wa Uliya kabona; era wamu naye waaliwo Ereyazaali mutabani wa Finekaasi; era wamu nabo waaliwo Yozabadi mutabani wa Yeswa, ne Nowadiya mutabani wa Binnuyi, Abaleevi;
- 34 byonna ng'omuwendo gwabyo era ng'obuzito bwabyo bwe byali; obuzito bwonna ne buwandiikibwa mu biro ebyo.
- 35 Abaana b'obusibe abaakomawo ewaabwe gye baagoberwa ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri Katonda wa Isiraeri, ente kkumi na bbiri olwa Isiraeri yenna, endiga ennume kyenda mu mukaaga, abaana b'endiga nsanvu mu musanvu, embuzi ennume kkumi na bbiri okuba ekiweebwayo olw'ekibi: ezo zonna ne ziba ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama.
- 36 Ne bawa abaamasaza ebiragiyo bya kabaka n'abo abafuga emitala w'omugga: ne bayamba abantu n'ennyumba ya Katonda.

Essuula 9

- 1 Awo ebigambo ebyo bwe byakolebwa, abakulu ne banseberera nga boogera nti Abantu ba Isiraeri ne bakabona n'Abaleevi tebeeyawudde na mawanga ag'omu nsi nga bakola okugoberera emizizo gyabwe, egy'Abakanani n'Abakiiti n'Abaperizi n'Abayebusi n'Abamoni n'Abamowaabu n'Abamisiri n'Abamoli.
- 2 Kubanga beewasirizza ku bawala baabwe, ne batabani baabwe babawasirizzaako; bwe kityo ezzadde ettukuvu ne lyetabula n'amawanga ag'omu nsi: weewaawo, omukono gw'abakulu n'abafuga gwe gusinze okwonoona bwe gutyo.
- 3 Awo bwe nnawulira ekigambo ekyo, ne njuza ekyambalo kyange n'omunagiyo gwange, ne nkuunyuula enviiri ez'oku mutwe gwange n'ez'omu kirevu kyange, ne ntuula nga nsamaaliridde.
- 4 Awo ne wakuaanira gye ndi bonna abaakankanira ebigambo bya Katonda wa Isiraeri olw'okusobya ku abo ab'obusibe; ne ntuula nga nsamaaliridde ne ntuusa ekitone eky'akawungeezi.
- 5 Awo ekitone eky'akawungeezi bwe kyaweebwayo ne ngolokoka ne nva mu kutoowaz-ibwa kwange, ekyambalo kyange n'omunagiyo gwange nga biyulise; ne nfukamira ku maviivi gange ne nnyanjuluza engalo zange eri Mukama Katonda wange;
- 6 ne njogera nti Ai Katonda wange, nkwatiddwa ensanyi, amaaso gange ne gamyuka okuyimusa amaaso gange gy'oli, Katonda wange: kubanga obutali butuukirivu bwaffe bweyongedde okukira omutwe gwaffe, n'omusango gwaffe gukuze gutuuse mu ggulu.
- 7 Okuva ku nnaku za bajjajjaffe nga tuzza musango munene nnyo ne leero; era olw'obu-tali butuukirivu bwaffe kyetwava tugabulwa, ffe, bakabaka baffe ne bakabona baffe, mu mukono gwa bakabaka b'ensi, eri ekitala, eri obusibe n'eri okunyagibwa n'amaaso gaffe okukwatibwa ensanyi nga leero.
- 8 Ne kaakano akaseera katono ekisa kiragiddwa ekiva eri Mukama Katonda waffe,

okutulekera ekitundu eky'okuwona n'okutuwa enninga mu kifo kye ekitukuvu, Katonda waffe ayakire amaaso gaffe n'okutuwa okuweeraweerako akatono mu busibe bwaffe.

- 9 Kubanga tuli basibe; naye Katonda waffe tatwabilidde mu buddu bwaffe, naye atwongeddeko okusaasirwa mu maaso ga bakabaka b'e Buperusi, okutuwa okuweeraweera, okusimba ennyumba ya Katonda waffe n'okuddaabiriza ebyayo ebyagwa n'okutuwa bbugwe mu Yuda ne mu Ycrusaalemi.
- 10 Kale nno, ai Katonda waffe, tunaayogera ki oluvannyuma lwa bino? kubanga twaleka ebiragiro byo,
- 11 bye walagirira mu baddu bo bannabbi ng'oyogera nti Ensi gye muyingira okugirya nsi eteri nnongoofo olw'obutali bulongoofu bw'amawanga ag'omu nsi, olw'emizizo gyabwe, abaagijuzizza obugwagwa bwabwe eruuyi n'eruuyi.
- 12 Kale nno temuwanga bawala bammwe batabani baabwe, so temutwaliranga batabani bammwe bawala baabwe, so temunoonyanga mirembe gyabwe newakubadde omukisa gwabwe emirembe gyonna: mulyoke mube n'amaanyi mulye obulungi bw'ensi, mugirekere abaana bammwe okuba obusika emirembe gyonna.
- 13 Era ebyo byonna nga bimaze okututuukako olw'ebikolwa byaffe ebibi n'olw'okuzza omusango omunene, kubanga ggwe, Katonda waffe, watubonerezaako katonono so si ng'obutali butuukirivu bwaffe bwe bwasaanira, n'otuwa ekitundu ekyenkana awo,
- 14 tulisobya nate amateeka go ne tuba bakoddomi b'amawanga agakola eby'emizizo? tewanditusunguwalidde okutuusa lwe wandituzikirizza, obutabaawo kitundu ekifiseseewo newakubadde ow'okuwona?
- 15 Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, ggwe mutuukirivu; kubanga ffe tusigadde ekitundu ekifiseseewo ekiwonye nga bwe kiri leero: laba, tuli mu maaso go nga tuzzizza omusango; kubanga tewali ayinza okuyimirira mu maaso go olw'ekyo.

Essuula 10

- 1 Awo Ezeru bwe yali ng'asaba ng'ayatula ng'akaaba amaziga ng'avuunamira mu maaso g'ennyumba ya Katonda, ne wakuaanira gy'ali okuva mu Isiraeri ekibiina ekinene ennyo eky'abasajja n'abakazi n'abaana abato: kubanga abantu baakaaba nnyo nnyini amaziga.
- 2 Awo Sekaniya mutabani wa Yekyeri omu ku batabani ba Eramu, n'addamu n'agamba Ezeru nti Twonoonye Katonda waffe, ne tuwasa abakazi bannaggwanga ab'oku mawanga ag'omu nsi: naye kaakano essuubi weeriri eri Isiraeri olw'ekyo.
- 3 Kale nno tulagaane endagaano ne Katonda waffe okugoba abakazi bonna n'abo be baazaala, ng'okuteesa bwe kuli okwa mukama wange n'abo abakankanira ekiragiro kya Katonda waffe; era kikolebwe ng'amateeka bwe gali.
- 4 Golokoka; kubanga ekigambo kikyo, naffe tuli naawe: guma omwoyo okikole.
- 5 Awo Ezeru n'alyoka agolokoka, n'alayiza abakulu ba bakabona, Abaleevi ne Isiraeri yenna, nga banaakolanga ng'ekigambo kino bwe kiri. Awo ne balayira.
- 6 Awo Ezeru n'alyoka agolokoka okuva mu maaso g'ennyumba ya Katonda, n'ayingira mu kisenge kya Yekokanani mutabani wa Eriyasibu: awo bwe yatuukayo, n'atalya mmere so teyanywa mazzi: kubanga yanakuwala olw'okusobya ku abo ab'obusibe.
- 7 Ne balangira okubunya Yuda ne Yersaalemi abaana bonna ab'obusibe bakuaanire e Yersaalemi;
- 8 era buli atalijja mu bbanga ery'ennaku ssatu, ng'okuteesa kw'abakulu n'abakadde bwe kwali, afirwe ebintu bye byonna, naye yennyini ayawulibwe mu kibiina eky'obusibe.
- 9 Awo abasajja bonna aba Yuda ne Benyamini ne bakuaanira e Yersaalemi mu bbanga ery'ennaku essatu; gwali mwezi gwa mwenda, ku lunaku olw'amakumi abiri

olw'omwezi: abantu bonna ne batuula mu kifo ekigazi mu maaso g'ennyumba ya Katonda, nga bakankana olw'ekigambo ekyo n'olw'enkuba ennyingi.

- 10 Awo Ezera kabona n'ayimirira n'abagamba nti Mwasobya ne muwasa abakazi bannaggwanga okwongera ku Isiraeri omusango.
- 11 Kale nno mwatule eri Mukama Katonda wa bajjajjammwe mukole ebyo by'asiima: mweyawule n'amawanga ag'omu nsi n'abakazi bannaggwanga.
- 12 Awo ekibiina kyonna ne baddamu ne boogera n'eddoboozi ddene nti Nga bw'oyogedde ebigambo byaffe, bwe kityo bwe kitugwanidde okukola.
- 13 Naye abantu tuli bangi, era, bye biro eby'enkuba ennyingi, so tetuyinza kuyimirira bweru, so guno mulimu gwa lunaku lumu oba bbiri: kubanga twasobya nnyo mu kigambo ekyo.
- 14 Kale abakulu baffe balonderwe ekibiina kyonna, n'abo bonna abali mu bibuga byaffe abaawasizza abakazi bannaggwanga bajjire mu biseera ebiteekebwawo, era wamu nabo abakadde ba buli kibuga, n'abalamuzi baakyo, okutuusa Katonda waffe lw'alikyusa ekiruyi kye ekikambwe ne kituvaako, okutuusa ekigambo kino lwe kinaamalibwa.
- 15 Yonasaani mutabani wa Asakeri ne Yazeya mutabani wa Tikuva bokka ne bayimirira okugaana ekigambo kino: Mesullamu ne Sabbesayi Omuleevi ne babayamba.
- 16 Awo abaana b'obusibe ne bakola bwe batyo. Awo Ezera kabona n'abamu ku mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ng'ennyumba za bakitaabwe bwe zaali, era bonna ng'amannya gaabwe bwe gaali, ne bayawulibwa; ne batuula ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'ekkumi okukebera ekigambo ekyo.
- 17 Ne bamala ebigambo by'abasajja bonna abaali bawasizza abakazi bannaggwanga nga tewannayitawo lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye.
- 18 Ne mu batabani ba bakabona ne mulabika abaali bawasizza abakazi bannaggwanga: ku batabani ba Yesuwa, mutabani wa Yozadaki ne baganda be, Maaseya ne Eryeza ne Yalibu ne Gedaliya.
- 19 Ne bawaayo emikono gyabwe nga banaagoba bakazi baabwe; era kubanga omusango gubasinze ne bawaayo endiga ennume ey'omu kisibo olw'omusango gwabwe.
- 20 Ne ku batabani ba Immeri; Kanani ne Zebadiya.
- 21 Ne ku batabani ba Kalimu; Maaseya, ne Eriya, ne Semaaya, ne Yekyeri, ne Uzziya.
- 22 Ne ku batabani ba Pasukuli; Eriwenayi, Maaseya, Isimaeri, Nesaneri, Yozabadi, ne Erasa.
- 23 Ne ku Baleevi; Yozabadi, ne Simeeyi, ne Keraya (oyo ye Kerita), Pesakiya, Yuda, ne Eryeza.
- 24 Ne ku bayimbi; Eriyasibu: ne ku baggazi; Sallumu, ne Teremu ne Uli.
- 25 Ne ku Isiraeri: ku batabani ba Palosi; Lamiya, ne Izziya, ne Malukiya ne Miyamini, ne Ereyazaali, ne Malukiya, ne Benaya.
- 26 Ne ku batabani ba Eramu; Mattaniya, Zekkaliya, ne Yekyeri, ne Abudi, ne Yeremoosi, ne Eriya.
- 27 Ne ku batabani ba Zattu; Eriwenayi, Eriyabu, Mattaniya, ne Yeremoosi, ne Zabadi ne Aziza.
- 28 Ne ku batabani ba Bebayi; Yekokanani, Kananiya, Zabbayi, Asulaayi.
- 29 Ne ku batabani ba Bani; Mesullamu, Malluki, ne Adaya, Yasubu, ne Seyaali, Yeremoosi.
- 30 Ne ku batabani ba Pakasumowaabu; Aduna, ne Kerali, Benaya, Maaseya, Mattaniya, Bezaleeri, ne Binnuyi, ne Manase.
- 31 Ne ku batabani ba Kalimu; Eryeza, Isusiya, Malukiya, Semaaya, Simyoni;
- 32 Benyamini, Malluki, Semaliya.
- 33 Ku batabani ba Kasumu; Mattenayi, Mattata, Zabadi, Erifereti, Yeremayi, Manase,

Simeeyi.

- 34** Ku batabani ba Baani; Maadayi, Amulaamu, ne Uweri;
- 35** Benaya; Bedeya, Keruki;
- 36** Vaniya, Meremoosi, Eriyasibu;
- 37** Mattaniya, Mattenayi, ne Yaasu;
- 38** ne Baani, ne Binnuyi, Simeeyi;
- 39** ne Seremiya, ne Nasani, ne Adaya;
- 40** Makunadebayi, Sasayi, Salaayi;
- 41** Azaleri, ne Seremiya, Semaliya;
- 42** Sallumu, Amaliya, Yusufu.
- 43** Ku batabani ba Nebo; Yeyeri, Mattisiya, Zabadi, Zebina, Iddo, ne Yoweeri, Benaya.
- 44** Abo bonna baali bawasizza abakazi bannaggwanga: era abamu ku bo baali balina abakazi be baali bazademu abaana.

Nekkemiya

Essuula 1

- 1 Ebigambo bya Nekkemiya mutabani wa Kakaliya. Awo olwatuuka mu mwezi Kisulevu mu mwaka ogw'amakumi abiri, bwe nnali nga ndi mu Susani olubiri,
- 2 Kanani omu ku baganda bange n'ajja, ye n'abasajja abamu abaava mu Yuda; ne mbabuuza ebigambo by'Abayudaaya abaawona, abaali basigadde mu busibe, n'ebigambo by'e Yerusalemi.
- 3 Ne baamba nti Ekitundu ekifisseewo abasigadde mu busibe eyo mu ssaza balabye ennaku nnyingi n'okuvumibwa: era bbugwe wa Yerusalemi amenyesemenyese, n'emiryango gyakyo gyokeddwa omuliro.
- 4 Awo olwatuuka bwe nnawulira ebigambo ebyo ne ntuula ne nkaaba amaziga, ne nnakuwalira ennaku ezimu; ne nsiiba ne nsaba mu maaso ga Katonda w'eggulu,
- 5 ne njogera nti Nkwegayiridde, ai Mukama Katonda w'eggulu, Katonda omukulu ow'entiisa, akwata endagaano n'okusaasira eri abo abamwagala ne bakwata ebiragiro bye:
- 6 okutu kwo kuwulire nno, n'amaaso go gazibuke, owulire okusaba kw'omuddu wo kwe nsaba mu maaso go mu biro bino emisana n'ekiyo, olw'abaana ba Isiraeri abaddu bo, nga njatula ebibi eby'abaana ba Isiraeri bye twakwonoona: weewaawo, nze n'ennyumba ya kitange twayonoona.
- 7 Twakola eby'obukyamu ennyo gy'oli, so tetwakwata biragiro newakubadde amateeka newakubadde emisango bye walagira omuddu wo Musa.
- 8 Nkwegayiridde, jjukira ekigambo kye walagira omuddu wo Musa ng'oyogera nti Bwe munaasobyanga, naabasaasaanyizanga ddala mu mawanga:
- 9 naye bwe munaakomangawo gye ndi ne mukwatanga ebiragiro byange ne mubikolanga, newakubadde ng'abammwe abaagobebwa nga banaabanga ku nkomerero y'eggulu, naye naabakuaanyanga okubaggyayo, ne mbaleetanga mu kifo kye nneeroboza okutuuza omwo erinnya lyange.
- 10 Kale bano be baddu bo era be bantu bo be wanunula n'obuyinza bwo obungi n'omukono gwo ogw'amaanyi.
- 11 Ai Mukama, nkwegayiinde okutu kwo kuwulire nno okusaba kw'omuddu wo n'okw'abaddu bo abasanyukira okutya erinnya lyo: owe omuddu wo omukisa leero, omuwe okusaasirwa mu maaso g'omusajja ono. (Era nali ndi musenero wa kabaka.)

Essuula 2

- 1 Awo olwatuuka mu mwezi Nisani mu mwaka ogw'amakumi abiri ogwa Alutagizerugizi kabaka, omwenge bwe gwali guli mu maaso ge, ne nsitula omwenge ne nguwa kabaka. Era obw'edda bwonna nga sinakuwaliranga mu maaso ge.
- 2 Kabaka n'aamba nti Kiki ekinakuwazizza amaaso go, okulwala nga tolwadde? kino si kigambo kirala wabula obuyinike obw'omu mutima. Awo ne ndyoka ntya nnyo.
- 3 Ne amba kabaka nti Kakaba abe omulamu emirembe gyonna: kiki ekyandirobedde amaaso gange obutanakuwala, ekibuga, ekifo eky'amalaalo ga bajjajjange, nga kizise n'emiryango gyakyo nga gyokeddwa omuliro?
- 4 Awo kabaka n'aamba nti Weegayirira ki? Awo ne nsaba Katonda w'eggulu.
- 5 Ne amba kabaka nti Kabaka bw'anaasiima, era oba ng'omuddu wo alabye ekisa mu maaso go, ontume e Yuda eri ekibuga eky'amalaalo ga bajjajjange nkizimbe.
- 6 Kabaka n'aamba, (kaddulubaale naye ng'atudde naye,) nti Olugendo lwo luliba lwa nnaku mmeka? era olidda ddi? Awo kabaka n'asiima okuntuma; ne mmulaga ekiseera.

- 7 Era nate ne amba kabaka nti Kabaka bw'anaasiima, mpeebwe ebbaluwa eri abaa-masaza abali emitala w'omugga, bampiseemu ntuuke mu Yuda;
- 8 n'ebbaluwa eri Asafu omukuumi w'ekibira kya kabaka, ampe emiti okubajja embaawo ez'enzigi z'ekigo eky'ennyumba era eza bbugwe w'ekibuga n'ez'ennyumba gye ndiyingira. Kabaka n'ampa olw'omukono omulungi ogwa Katonda wange ogwali ku nze.
- 9 Awo ne njija eri abaamasaza abaali emitala w'omugga ne mbawa ebbaluwa za kabaka. Era kabaka yali atumye nange abaami b'eggye n'abeebagala embalaasi.
- 10 Awo Sanubalaati Omukoloni ne Tobiya omuddu Omwamoni bwe baakiwulira, ne kibanakuwaza nnyo kubanga omusajja azze okugezaako okuyamba abaana ba Isiraeri.
- 11 Awo ne njija e Yerusaalemi ne mmalayo ennaku ssatu.
- 12 Ne ngolokoka kiro, nze n'abasajja si bangi wamu nange; so saabuulirako muntu Katonda wange kye yateeka mu mutima gwange okukolera Yerusaalemi: so nga tewali nsolo nange wabula ensolo gye nneebagala.
- 13 Ne nvaamu kiro mu luggi olw'omu kiwonvu, nga nkwata ekkubo ery'oluzzi olw'ogusota n'omulyango ogw'obusa, ne nneetegereza bbugwe wa Yerusaalemi eyamenyeka-menyeke, n'emiryango gyakyo gyali gyokeddwa omuliro.
- 14 Awo ne nneeyongerayo eri omulyango ogw'oluzzi n'ekidiba kya kabaka: naye nga tewali kkubo ensolo gye nneebagadde ly'eneeyitamu.
- 15 Awo ne nnyambuka kiro awali akagga, ne nneetegereza bbugwe; ne nkyuka ne nnyingira mu mulyango ogw'omu kiwonvu, ne nkomawo bwe ntyo.
- 16 Abakulu ne batamanyanya gye nnagenda newakubadde kye nnakola; era nnali sinnababuulira Abayudaaya newakubadde bakabona newakubadde abakungu newakubadde abafuga newakubadde abalala abaakola omulimu.
- 17 Awo ne mbagamba nti Mulaba bwe tuli obubi, Yerusaalemi bwe kizise, n'enzigi zaakyo zookeddwa omuliro: mujje tuzimbe bbugwe wa Yerusaalemi, tuleme okuba nate ekivume.
- 18 Ne mbabuulira omukono gwa Katonda wange bwe gwali omulungi ku nze; era n'ebigambo bya kabaka bye yambuulira. Ne boogera nti Tugolokoke tuzimbe. Awo ne banyweza emikono gyabwe olw'omulimu ogwo omulungi
- 19 Naye Sanubalaati Omukoloni ne Tobiya omuddu Omwamoni ne Gesemu Omuwalabu bwe baakiwulira ne batusekerera nnyo, ne batunyooma ne boogera nti Kigambo ki kino kye mukola? mwagala okujeemera kabaka?
- 20 Awo ne mbaddamu ne mbagamba nti Katonda w'eggulu ye alituwa omukisa; ffe abaddu be kyetuliva tugolokoka ne tuzimba naye mmwe temulina mugabo newakubadde ebyammwe newakubadde ekijjukizo mu Yerusaalemi.

Essuula 3

- 1 Awo Eriyasibu kabona asinga obukulu n'agolokoka wamu ne baganda be bakabona, ne bazimba omulyango ogw'endiga; ne bagutukuza, ne basimba enzigi zaagwo; okutuuka ku kigo kya Kammeya kwe baakoma okugutukuza, okutuuka ku kigo kya Kananeri.
- 2 Era abasajja ab'e Yeriko be baamuddirira okuzimba. Era Zakkuli mutabani wa Imuli ye yabaddirira okuzimba.
- 3 N'omulyango ogw'ebyennyanya batabani ba Kassena be baaguzimba; baateekawo emiti gyagwo, ne basimba enzigi zaagwo, ebisiba byagwo n'ebyuma byagwo.
- 4 Era Meremoosi mutabani wa Uliya mutabani wa Kakkozi ye yabaddirira okuddaabiriza. Era Mesullamu mutabani wa Berekiya mutabani wa Mesezaberi ye yabaddirira okuddaabiriza. Era Zadoki mutabani wa Baana ye yabaddirira okuddaabiriza.

- 5 Era Abatekowa be baabaddirira okuddaabiriza; naye abakungu baabwe tebassaawo nsingo ku mulimu gwa mukama waabwe.
- 6 N'omulyango ogw'edda Yoyada mutabani wa Paseya ne Mesullamu mutabani wa Besodeya be baaguddaabiriza; baateekawo emiti gyagwo, ne basimba enzigi zaagwo n'ebisiba byagwo n'ebyuma byagwo.
- 7 Era Meratiya Omugibyoni ne Yadoni Omumeronoosi, abasajja ab'e Gibyoni, n'ab'e Mizupa, eky'omu ssaza ly'omukulu w'emitala w'omugga, be baabaddirira okuddaabiriza.
- 8 Wuziyeeri mutabani wa Kalukaya, abaweesi ba zaabu, be baamuddirira okuddaabiriza. Era Kananiya omu ku bafumba kalifuwa ye yamuddirira okuddaabiriza, ne banyweza Yerusaalemi, okutuuka ku bbugwe omugazi.
- 9 Era Lefaya mutabani wa Kuuli omukulu w'ekitundu ky'essaza lya Yerusaalemi ye yabaddirira okuddaabiriza.
- 10 Era Yedaya mutabani wa Kalumafu ye yabaddirira okuddaabiriza okwolekera ennyumba ye ye. Era Kattusi mutabani wa Kasabuneya ye yamuddirira okuddaabiriza.
- 11 Malukiya mutabani wa Kalimu ne Kassubu mutabani wa Pakasumowaabu ne baddaabiriza ekituli ekirala n'ekigo eky'ebikoomi.
- 12 Era Sallumu mutabani wa Kallokesi omukulu w'ekitundu ky'essaza lya Yerusaalemi, ye ne bawala be, ye yamuddirira okuddaabiriza.
- 13 Omulyango ogw'omu kiwonvu Kanuni n'abaali mu Zanowa be baaguddaabiriza; ne baguzimba ne basimba enzigi zaagwo, ebisiba byagwo n'ebyuma byagwo, n'ekituli eky'oku bbugwe eky'emikono olukumi okutuuka ku mulyango ogw'obusa.
- 14 N'omulyango ogw'obusa Malukiya mutabani wa Lekabu omukulu w'essaza ly'e Besukakkeremu ye yaguddaabiriza; oyo ye yaguzimba n'asimba enzigi zaagwo, ebisiba byagwo n'ebyuma byagwo.
- 15 N'omulyango ogw'oluzzi Salluni mutabani wa Kolukoze omukulu w'essaza ly'e Mizupa ye yaguddaabiriza; oyo ye yaguzimba n'agubikkako n'asimba enzigi zaagwo, ebisiba byagwo n'ebyuma byagwo, ne bbugwe ow'oku kidiba kya Sera ekiriraanye olusuku lwa kabaka okutuuka ku madaala agaserengeta okuva mu kibuga kya Dawudi.
- 16 Nekkemiya mutabani wa Azubuki omukulu w'ekitundu ky'essaza ly'e Besuzuli ye yamuddirira okuddaabiriza okutuuka ku kifo ekyolekera amalaalo ga Dawudi noku-tuuka ku kidiba ekyasimibwa n'okutuuka ku nnyumba y'abasajja ab'amaanyi.
- 17 Abaleevi, Lekumu mutabani wa Baani, be baamuddirira okuddaabiriza. Kasabiya omukulu w'ekitundu ky'essaza ly'e Keyira ye yamuddirira okuddaabiriza olw'essaza lye.
- 18 Baganda baabwe, Bawayi mutabani wa Kenadadi omukulu w'ekitundu ky'essaza ly'e Keyira, be baamuddirira okuddaabiriza.
- 19 Ne Ezeri mutabani wa Yesuwa omukulu w'e Mizupa ye yamuddirira okuddaabiriza ekituli ekirala ekyolekera awalinnyirwa mu ggwanika ery'ebyokulwanyisa (bbugwe) w'awetera.
- 20 Baluki mutabani wa Zabbayi ye yamuddirira okuddaabiriza ekituli ekirala ng'anyiikira nnyo, okuva bbugwe w'awetera okutuuka ku luggi lw'ennyumba ya Eriyasibu kabona asinga obukulu.
- 21 Meremoosi mutabani wa Uliya mutabani wa Kakkozi ye yamuddirira okuddaabiriza ekituli ekirala okuva ku luggi lw'ennyumba ya Eriyasibu okutuuka ku nkomerero y'ennyumba ya Eriyasibu.
- 22 Ne bakabona abasajja ab'omu lusenyi be baamuddirira okuddaabiriza.
- 23 Benyamini ne Kassubu be baabaddirira okuddaabiriza okwolekera ennyumba yaabwe. Azaliya mutabani wa Maaseya mutabani wa Ananiya ye yabaddirira okuddaabiriza ku

mabbali g'ennyumba ye ye.

- 24 Binnuyi mutabani wa Kenadadi ye yamuddirira okuddaabiriza ekituli ekirala okuva ku nnyumba ya Azaliya okutuuka bbugwe w'awetera ne ku nsonda.
- 25 Palali mutabani wa Uzayi ye yaddaabiriza okwolekera bbugwe w'awetera n'ekigo ekyazimbibwa ku nnyumba ey'engulu eya kabaka eriraanye oluggya olw'abambowa. Pedaya mutabani wa Palosi ye yamuddirira okuddaabiriza.
- 26 (Era Abanesinimu baabanga mu Oferi okutuuka ku kifo ekyolekera omulyango ogw'amazzi ebuvanjuba n'ekigo ekyazimbibwako.)
- 27 Abatekowa be baamuddirira okuddaabiriza ekituli ekirala ekyolekera ekigo ekinene ekyazimbibwako n'okutuuka ku bbugwe w'e Oferi.
- 28 Engulu w'omulyango ogw'embalaasi bakabona we baddaabiriza, buli muntu okwolekera ennyumba ye ye.
- 29 Zadoki mutabani wa Immeri ye yabaddirira okuddaabiriza, okwolekera ennyumba ye ye. Ne Semaaya mutabani wa Sekaniya omuggazi w'omulyango ogw'ebuvanjuba ye yamuddirira okuddaabiriza.
- 30 Kananiya mutabani wa Seremiya ne Kanuni omwana ow'omukaaga owa Zalafu be bamuddirira okuddaabiriza ekituli ekirala. Mesullamu mutabani wa Berekiya ye yamuddirira okuddaabiriza okwolekera ekisenge kye.
- 31 Malukiya omu ku baweesi ba zaabu ye yamuddirira okuddaabiriza okutuusa ku nnyumba ey'Abanesinimu n'ey'abasuubuzi okwolekera omulyango gwa Kammi-fukaadi n'okutuusa awalinyirwa ku nsonda.
- 32 Era wakati w'awalinyirwa ku nsonda n'omulyango ogw'endiga abaweesi ba zaabu n'abasuubuzi we baddaabiriza.

Essuula 4

- 1 Naye olwatuuka Sanubalaati bwe yawulira nga tuzimba bbugwe, n'asunguwala n'abaako ekiruyi kingi n'aduulira Abayudaaya.
- 2 N'ayogerera mu maaso ga baganda be n'eggye ly'e Samaliya n'agamba nti Abayudaaya bano abanafu bakola ki? baagala okwekomera? baagala okuwaayo ssaddaaka? baagala okumalira ku lunaku lumu? baagala okuzuukiza amayinja okugaggya mu bifunvu eby'ebisasiro, kubanga gookeddwa?
- 3 Awo Tobiya Omwamoni yali naye n'ayogera nti N'ekyo kye bazimba ekibe bwe kinaalinyayo kinaasuula bbugwe waabwe ow'amayinja.
- 4 Wulira, ai Katonda waffe; kubanga tunyoomeddwa: era zza ekivume kyabwe ku mutwe gwabwe bo, obagabule okunyagibwa mu nsi ey'obusibe:
- 5 so tobikka ku butali butuukirivu bwabwe, n'ekibi kyabwe kireme okusangulibwa mu maaso go: kubanga bakusunguwazizza mu maaso g'abazimbi.
- 6 Awo ne tuzimba bbugwe; bbugwe yenna n'agattibwa wamu okutuusa we yenkana obugulumivu: kubanga abantu bassaayo omwoyo eri omulimu.
- 7 Naye olwatuuka Sanubalaati ne Tobiya n'Abawalabu n'Abamoni n'Abasudodi bwe baawulira ng'omulimu ogw'okuddaabiriza bbugwe wa Yerusaalemi gugenda gweyongerera, era ng'ebituli bitanudde okuzibibwa, kale ne basunguwala nnyo;
- 8 ne beekobaana bonna wamu okujja okulwana ne Yerusaalemi n'okukisasamaza.
- 9 Naye ne tusaba okusaba kwaffe eri Katonda waffe ne tussaawo abakuumi eri bo emisana n'ekiro ku lwabwe.
- 10 Yuda n'ayogera nti Amaanyi g'abo abeetikka emigugu gaweddewo era waliwo ebisasiro bingi; n'okuyinza ne tutayinza kuzimba bbugwe.
- 11 Abalabe baffe ne boogera nti Tebalimanya so tebaliraba, okutuusa lwe tuliyingira mu bo wakati, ne tubatta, ne tulekesaayo omulimu.

- 12 Awo olwatuuka Abayudaaya abaabaliraana bwe bajja, ne batugamba emirundi kkumi nga bayima mu bifo byonna nti Kibagwanira okudda gye tuli.
- 13 Kyennava nzisaawo abantu mu njuyi eza wansi ez'omu bbuga eryali ennyuma wa bbugwe, mu mpungu, kyennava nzisaawo abantu ng'enda zaabwe bwe zaali nga balina ebitala byabwe n'amafumu gaabwe n'emitego gyabwe.
- 14 Ne ntunula ne ngolokoka ne amba abakungu n'abakulu, n'abantu abalala nti Temu-batya: mujjukire Mukama omukulu ow'entiisa, mulwanirire baganda bammwe ne batabani bammwe ne bawala bammwe, bakazi bammwe n'ennyumba zammwe.
- 15 Awo olwatuuka abalabe baffe bwe baawulira nga kimanyiddwa gye tuli, era nga Katonda asse okuteesa kwabwe, ne tulyoka tudda fenna ku bbugwe, buli muntu ku mulimu gwe.
- 16 Awo olwatuuka okuva mu biro ebyo n'okweyongerayo ekitundu ky'abaddu bange ne bakolanga omulimu ogwo n'ekitundu ne bakwatanga amafumu n'engabo n'emitego n'ebizibawo eby'ebyuma; abakulu ne babanga ennyuma w'ennyumba yonna eya Yuda.
- 17 Abo abaazibanga bbugwe n'abo abeetikanga emigugu ne beebinikanga, buli muntu ng'akola omulimu n'omukono gwe gumu, n'ogw'okubiri nga gukutte ekyekulwanyisa kye;
- 18 n'abazimbi, buli muntu ekitala kye nga kisibiddwa mu kiwato kye n'azibanga bw'atyo. N'oyo eyafuuwanga ekkondeere n'abeeranga nange.
- 19 Ne amba abakungu n'abakulu n'abantu abalala nti Omulimu munene mugazi, naffe twesudde amabanga ku bbugwe, omu ng'amuli wala munne:
- 20 mu buli kifo gye munaawuliriranga eddoozi ly'ekkondeere, mutudduukiririranga eyo; Katonda waffe ye anaatulwaniriranga.
- 21 Awo ne tukolanga omulimu: ekitundu kyabwe ne bakwatanga amafumu obudde, we bwakeeranga n'emmunyeenye lwe zaalabikanga.
- 22 Era mu biro ebyo ne amba bwe ntyo abantu nti Buli muntu n'omuddu we asulenga mu Yersaalemi babeerenga bakuumi gye tuli ekiro, era bakolanga omulimu emisana.
- 23 Awo ne tutayambulanga byambalo byaffe nze newakubadde baganda bange newakubadde abaddu bange newakubadde abasajja abambowa abangobereranga, n'omu ku ffe, buli muntu yagendanga emugga ng'akutte ekyokulwanyisa kye.

Essuula 5

- 1 Awo ne wabaawo olukaayano olunene olw'abantu ne bakazi baabwe eri baganda baabwe Abayudaaya.
- 2 Kubanga waaliwo abaayogera nti Ffe, batabani baffe ne bawala baffe, tuli bangi: tufune eaano tulyenga tube abalamu.
- 3 Era ne wabaawo abaayogera nti Tusingawo ennimiro zaffe n'ensuku zaffe ez'emizabbibu n'ennyumba zaffe: tufunenga eaano olw'enjala.
- 4 Era ne wabaawo abaayogera nti Twewola effeeza ey'emusolo gwa kabaka nga tusinzeewo ennimiro zaffe n'ensuku ez'emizabbibu.
- 5 Naye kaakano omubiri gwaffe guli ng'omubiri gwa baganda baffe, abaana baffe bali ng'abaana baabwe: era, laba, batabani baffe ne bawala baffe tubaleeta mu buddu okuba abaddu, era abamu ku bawala baffe bamaze okuleetebwa mu buddu: so tetuliiko kye tunaakola; kubanga ennimiro zaffe n'ensuku zaffe ez'emizabbibu zirina balala.
- 6 Awo ne nsunguwala nnyo bwe nnaawulira olukaayano lwabwe n'ebigambo bino.
- 7 Awo ne ndyoka nteesa nzekka ne nnyomba n'abakungu n'abakulu ne mbagamba nti Muweesa amagoba, buli muntu muganda we. Ne mbakuaanya okukuaana okunene.
- 8 Ne mbagamba nti ffe nga bwe twayinza twanunula baganda baffe Abayudaaya

- abaatundibwa mu bannaggwanga; nammwe mwagala n'okutunda baganda bammwe, naffe twandiba guze? Awo ne basirika ne batalaba kigambo.
- 9 Era ne njogera nti Ekigambo kye mukola si kirungi: temwanditambulidde mu kutya Katonda waffe, olw'okuvuma kwa bannaggwanga abalabe baffe?
 - 10 Era nange bwe ntyo baganda n'abaddu bange mbawola effeeza n'eaano olw'amagoba. Mbeegayiridde, tuleke amagoba ago.
 - 11 Mbeegayiridde, mubaddize leero ennimiro zaabwe n'ensuku zaabwe ez'emizabbibu n'ez'emizeyituuni n'ennyumba zaabwe, era n'ekitundu eky'ekikumi ekya ffeeza n'eky'eaano n'omwenge n'amafuta bye mubaweesa.
 - 12 Awo ne boogera nti Tunaabizza, so tetulibasalira kintu; bwe tutyo bwe tunaakola nga bw'oyogera. Awo ne mpita bakabona ne mbalayiza nga banaakola nga bwe basuubizza.
 - 13 Era ne nkunkumula olugoye olw'omu kifuba kyange ne njogera nti Katonda akunkumulire bw'atyo mu nnyumba ye ne mu mulimu gwe buli muntu atatuukiriza kusuubiza kuno; bw'atyo bw'aba akunkumulwa amalibwemu. Ekibiina kyonna ne boogera nti Amiina, ne batendereza Mukama. Abantu ne bakola ng'okusuubiza kuno bwe kwali.
 - 14 Era okuva mu biro lwe nnateekebwawo okuba omukulu waabwe mu nsi ya Yuda, okuva ku mwaka ogw'amakumi abiri okutuuka ku mwaka ogw'amakumi asatu mu ebiri ogwa Alutagizerugizi kabaka, gye myaka ekkumi n'ebiri, nze ne baganda bange tetulyanga ku mmere ey'omukulu.
 - 15 Naye abakulu ab'edda abansooka baasooloozanga abantu bye baalyanga ne babasaliranga emmere n'omwenge obutassaako sekeri eza ffeeza amakumi ana; weewaawo, n'abaddu baabwe baafuganga abantu: naye nze si bwe nnakolanga olw'okutya Katonda.
 - 16 Weewaawo, era nanyiikiranga okukola omulimu ogwa bbugwe ono, so tetwagula nsi yonna: n'abaddu bange bonna ne bakuaanira eyo eri omulimu.
 - 17 Era ku Bayudaaya n'abakulu, abasajja kikumi mu ataano baabanga ku mmeeza yange obutassaako abo abajja gye tuli nga bava mu bannaggwanga abatwetooldde.
 - 18 Era ebyafumbibwanga eby'olunaku olumu ente emu n'endiga ennonde mukaaga; era enkoko zanfumbirwanga, n'omulundi gumu buli nnaku kkumi omwenge ogw'engeri zonna: era naye newakubadde nga byali bwe bityo saabasalira mmere ya mukulu, kubanga obuddu bwabazitoowerera abantu bano.
 - 19 Ai Katonda wange, jjukira gye ndi olw'obulungi byonna bye nkoledde abantu bano.

Essuula 6

- 1 Awo olwatuuka bwe baabuulira Sanubalaati ne Tobiya ne Gesemu Omuwalabu n'abalabe baffe abalala nga nzimbye bbugwe, era nga tewakyali kituli ekisigadde omwo; (newakubadde nga nali nga sinnasimba nzigi mu miryango mu biro ebyo;)
- 2 awo Sanubalaati ne Gesemu ne bantumira nga boogera nti Jjangu tulabaganire mu kaalo akamu ak'omu lusenyi lwa Ono. Naye nga baalowooza okunkola obubi.
- 3 Ne mbatumira ababaka nga njogera nti Nkola omulimu omunene n'okuyinza siyinza kuserengeta: omulimu gwandirekddwayo ki, nze nga nguvuddeko ne nserengeta gye muli?
- 4 Ne bantumira bwe batyo emirundi ena; ne mbaddamu bwe ntyo.
- 5 Awo Sanubalaati n'antumira omuddu we bw'atyo omulundi ogw'okutaano ng'alina mu mukono gwe ebbaluwa etezingiddwa mu mukono gwe;
- 6 omwawandiikibwa nti Mu mawanga mulimu ebigambo era Gasimu akyogera nga ggwe n'Abayudaaya mwagala okujeema; kyova ozimba bbugwe: era oyagala okuba kabaka waabwe, ebigambo ebyo bwe byogera bwe bityo.

- 7 Era otaddewo ne bannabbi ab'okubuulira ebigambo byo e Yerusaalemi nga boogera nti Mu Yuda mulimu kabaka: kale nno kabaka alibuulirwa ng'ebigambo ebyo bwe biri. Kale nno jjangu tuteese fembi.
- 8 Awo ne mmutumira nga njogera nti Tewakolebwanga bigambo nga bw'otogera naye obigunze mu mutima gwo ggwe.
- 9 Kubanga bonna banditutiisizza nga boogera nti Emikono gyabwe girifuuka minafu okuva ku mulimu guleme okukolebwa. Naye kaakano, ai Katonda, nyweza ggwe emikono gyange.
- 10 Awo ne nnyingira mu nnyunba ya Semaaya mutabani wa Deraaya mutabani wa Meketaberi eyasibibwa; n'ayogera nti Tulabaganire mu nnyumba ya Katonda munda wa yeekaalu, era tuggalewo enzigi za yeekaalu: kubanga banajja okukutta; weewaawo, mu kiro mwe banajjira okukutta.
- 11 Ne njogera nti Omusajja eyenkana awo nga nze nandidduse? era ani eyenkana nga nze eyandiyingidde mu yeekaalu okuwonya obulamu bwe? siyingiremumu.
- 12 Ne ntegeera, era, laba, Katonda teyamutuma: naye yandagulako obunnabbi buno: era Tobiya ne Sanubalaati baali bamuguliridde.
- 13 Kyeyava aguliririrwa ntye nkole bwe ntyo nnyonoone, babeeko kwe banaggya ensonga ey'ebigambo ebibi, banvume.
- 14 Ai Katonda wange, jjukira Tobiya ne Sanubalaati ng'ebikolwa byabwe ebyo bwe byali, era ne nnabbi omukazi Nowadiya, ne bannabbi abalala abandintiisizza.
- 15 Bwe kityo bbugwe n'aggwa okukola ku lunaku olw'amakumi abiri mu ttaano olw'omwezi Eruli, mu nnaku amakumi ataano mu biri.
- 16 Awo olwatuuka abalabe baffe bonna bwe baawulira bwe batyo, bannaggwanga bonna abatwetoolodde ne batya ne baggweeramumu ddala omwoyo mu maaso gaabwe bo: kubanga baalaba ng'omulimu guno gwakolebwa Katonda waffe.
- 17 Era mu nnaku ezo abakungu ba Yuda ne baweereza Tobiya ebbaluwa nnyingi, ebbaluwa za Tobiya ne zijja gye bali.
- 18 Kubanga mu Yuda mwalimu bangi abamulayirira kubanga yali mukoddomi wa Sekaniya mutabani wa Ala; ne mutabani we Yekokanani yali awasizza muwala wa Mesullamu mutabani wa Berekiya.
- 19 Era ne boogera ku bicolwa bye ebirungi mu maaso gange, ne bamubuulira ebigambo byange. Tobiya n'aweereza ebbaluwa okuntiisa.

Essuula 7

- 1 Awo olwatuuka bbugwe bwe yaggwa okuzimba, era nga mmaze okusimba enzigi, n'abaggazi n'abayimbi n'Abaleevi nga baloneddwa,
- 2 awo muganda wange Kanani ne Kananiya omukulu w'ekigo ne mbakwasa Yerusaalemi: kubanga yali musajja mwesigwa, era yatyanganga Katonda okusinga bangi.
- 3 Ne mbagamba nti Enzigi za Yerusaalemi teziggawangawa ng'omusana tegunnakan-gaalukuka; era bwe bayimirira nga bakuuma baggalengawo enzigi, era muziny-wezenga n'ebisiba: era mussengawo abakuumi ku abo abali mu Yerusaalemi, buli muntu mu luwalo lwe, era buli muntu ng'ayolekera ennyumba ye.
- 4 Era ekibuga kyali kigazi era kinene: naye abantu abaali omwo baali batono, n'ennyumba nga tezizimbiddwa.
- 5 Katonda wange n'akiteeka mu mutima gwange okukuaanya abakungu n'abakulu n'abantu babalibwe ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali. Ne ndaba ekitababu eky'okuzaalibwa kw'abo abaasooka okwambuka, ne ndaba, nga kiwandiikiddwamu nti
- 6 Bano be baana b'essaza abaayambuka okuva mu bunyage bw'abo abaatwaiibwa, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni be yatwala, era abaddayo e Yerusaalemi ne

- Yuda, buli muntu mu kibuga ky'ewaabwe;
- 7 abajja ne Zerubbaberi, Yesuwa, Nekkemiya, Azaliya, Laamiya, Nakamani, Molud-dekaayi, Birusani, Misuperesi, Biguvayi, Nekumu, Baana. Omuwendo gw'abasajja ab'oku bantu ba Isiraeri:
 - 8 abaana ba Palosi, enkumi bbiri mu kikumi mu nsanvu mu babiri.
 - 9 Abaana ba Sefatiya, ebikumi bisatu mu nsanvu mu babiri.
 - 10 Abaana ba Ala, lukaaga mu ataano mu babiri.
 - 11 Abaana ba Pakasumowaabu, ow'oku baana ba Yesuwa ne Yowaabu, enkumi bbiri mu lunaana mu kkumi mu munaana
 - 12 Abaana ba Eramu, lukumi mu ebikumi bibiri mu ataano mu bana.
 - 13 Abaana ba Zattu, lunaana mu ana mu bataano.
 - 14 Abaana ba Zakkayi, lusanvu mu nkaaga.
 - 15 Abaana ba Binnuyi, lukaaga mu ana mu munaana.
 - 16 Abaana ba Bebayi, lukaaga mu abiri mu munaana.
 - 17 Abaana ba Azugaadi, enkumi bbiri mu ebikumi bisatu mu abiri mu babiri.
 - 18 Abaana ba Adotukamu, lukaaga mu nkaaga mu musanvu.
 - 19 Abaana ba Biguvaayi, enkumi bbiri mu nkaaga mu musanvu.
 - 20 Abaana ba Adini, lukaaga mu ataano mu bataano.
 - 21 Abaana ba Ateri, owa Keezeekiya, kyenda mu munaana.
 - 22 Abaana ba Kasumu, ebikumi bisatu mu abiri mu munaana.
 - 23 Abaana ba Bezayi, ebikumi bisatu mu abiri mu bana.
 - 24 Abaana ba Kalifu, kikumi mu kkumi mu babiri.
 - 25 Abaana ba Gibyoni, kyenda mu bataano.
 - 26 Abasajja ab'e Besirekemu ne Netofa, kikumi mu kinaana mu munaana.
 - 27 Abasajja ab'e Anasosi; kikumi mu abiri mu munaana.
 - 28 Abasajja ab'e Besuwazumavesi, amakumi ana mu babiri.
 - 29 Abasajja ab'e Kiriyaasuyalimu, Kefira, ne Beerosi, lusanvu mu ana mu basatu.
 - 30 Abasajja ab'e Laama ne Geba, lukaaga mu abiri mu omu.
 - 31 Abasajja ab'e Mikumasi, kikumi mu abiri mu babiri.
 - 32 Abasajja ab'e Beseri ne Ayi, kikumi mu abiri mu basatu.
 - 33 Abasajja ab'e Nebo eky'okubiri, amakumi ataano mu babiri.
 - 34 Abaana ba Eramu ow'okubiri, lukumi mu ebikumi bibiri mu ataano mu bana.
 - 35 Abaana ba Kalimu, ebikumi bisatu mu abiri.
 - 36 Abaana ba Yeriko, ebikumi bisatu mu ana mu bataano.
 - 37 Abaana ba Loodi, Kadidi, ne Ono, lusanvu mu abiri mu omu.
 - 38 Abaana ba Senaa, enkumi ssatu mu lwenda mu asatu.
 - 39 Bakabona: abaana ba Yedaya, ow'oku nnyumba ya Yesuwa; lwenda mu nsanvu mu basatu.
 - 40 Abaana ba Immeri, lukumi mu ataano mu babiri.
 - 41 Abaana ba Pasukuli, lukumi mu ebikumi bibiri mu ana mu musanvu.
 - 42 Abaana ba Kalimu, lukumi mu kkumi mu musanvu.
 - 43 Abaleevi: abaana ba Yesuva ow'e Kadumyeri, ow'oku baana ba Kodeva, nsanvu mu bana.
 - 44 Abayimbi: abaana ba Asafu, kakumi mu ana mu munaana
 - 45 Abaggazi: abaana ba Sallumu, abaana ba Ateri, abaana ba Talumoni, abaana ba Akkubu, abaana ba Katita, abaana ba Sobayi, kikumi mu asatu mu munaana.
 - 46 Abanesinimu: abaana ba Zika, abaana ba Kasufa, abaana ba Tabbawoosi;
 - 47 abaana ba Keriso, abaana ba Siya, abaana ba Padoni;
 - 48 abaana ba Lebana, abaana ba Kagaba, abaana ba Salumayi;
 - 49 abaana ba Kanani, abaana ba Gidderu, abaana ba Gakali;

- 50 abaana ba Leyaya, abaana ba Lezini, abaana ba Nekoda;
- 51 abaana ba Gazzamu, abaana ba Uzza, abaana ba Paseya;
- 52 abaana ba Besayi abaana ba Meyunimu, abaana ba Nefusesimu;
- 53 abaana ba Bakubuki, abaana ba Kakufa, abaana ba Kalukuli;
- 54 abaana ba Bazulisi, abaana ba Mekida, abaana ba Kalusa;
- 55 abaana ba Balukosi, abaana ba Sisera, abaana ba Tema;
- 56 abaana ba Neziya, abaana ba Katifa.
- 57 Abaana b'abaddu ba Sulemaani; abaana ba Sotayi, abaana ba Soferesi, abaana ba Perida;
- 58 abaana ba Yaala, abaana ba Dalukoni, abaana ba Gidderi;
- 59 abaana ba Sefatiya, abaana ba Kattiri, abaana ba Pokeresukazzebayimu, abaana ba Amoni.
- 60 Abanesinimu bonna n'abaana b'abaddu ba Sulemaani baali ebikumi bisatu mu kyenda mu babiri.
- 61 Era bano be baayambuka okuva e Terumeera, e Terukalusa, e Kerubu, e Yaddoni, ne Immeri: naye ne batayinza kulaga nnyumba za bakitaabwe newakubadde okuzaalibwa kwabwe oba nga ba Isiraeri:
- 62 abaana ba Deraya, abaana ba Tobiya, abaana ba Nekoda, lukaaga mu ana mu babiri.
- 63 Ne ku bakabona: abaana ba Kobaya, abaana ba Kakkozi, abaana ba Baluzirayi, eyawasa omukazi ow'oku bawala ba Baluzirayi Omugireyaadi, n'atuumibwa erinnya lyabwe.
- 64 Abo ne banoonya okuwandiikibwa kwabwe mu abo abaabalibwa ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kwali, naye ne kutalabika: kyebaava babawoola ne babagoba mu bwakabona.
- 65 Tirusaasa n'abagamba baleme okulya ku bintu ebitukuvu ennyo okutuusa kabona lw'aliyimirira alina Ulimu ne Sumimu.
- 66 Ekibiina kyonna wamu yali obukumi buna mu enkumi bbiri mu bikumi bisatu mu nkaaga,
- 67 obutassaako baddu baabwe n'abazaana baabwe, omuwendo gwabwe asanvu mu ebikumi bisatu mu asatu mu musanvu: era baalina abasajja abayimbi n'abakazi abayimbi ebikumi bibiri mu ana mu bataano.
- 68 Embalaasi zaabwe zaali lusanvu mu asatu mu mukaaga; ennyumbu zaabwe ebikumi bibiri mu ana mu ttaano;
- 69 eamira zaabwe ebikumi bina mu asatu mu ttaano; endogoyi zaabwe kakaaga mu lusanvu mu abiri.
- 70 Era abamu ku mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ne bawaayo eri omulimu. Tirusaasa n'awaayo mu gwanika daliki eza zaabu lukumi, ebibya amakumi ataano, ebyambalo bya bakabona ebikumi bitaano mu asatu.
- 71 Era abamu ku mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ne bawaayo mu gwanika ery'omulimu daliki eza zaabu obukumi bubiri, ne laateri eza ffeeza enkumi bbiri mu bikumi bibiri.
- 72 N'ebyo abantu abalala bye baawa byali daliki ezaabu obukumi bubiri ne laateri eza ffeeza enkumi bbiri, n'ebyambalo bya bakabona nkaaga mu musanvu.
- 73 Awo bakabona n'Abaleevi n'abaggazi n'abayimbi n'abamu ku bantu n'Abanesinimu ne Isiraeri yenna ne babeeranga mu Bibuga byabwe. Awo omwezi gw'omusanvu bwe gwatuuka, abaana ba Isiraeri nga bali mu bibuga byabwe.

Essuula 8

- 1 Awo abantu bonna ne bakuaana ng'omuntu omu mu kifo ekigazi ekyayolekera

- omulyango gw'amazzi; ne bagamba Ezera omuwandiisi okuleeta ekitabو eky'amateeka ga Musa Mukama ge yalagira Isiraeri.
- 2 Ezera kabona n'aleeta amateeka mu maaso g'ekibiina, abasajja era n'abakazi ne bonna abaayinza okuwulira n'okutegeera, ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'omusanvu.
 - 3 Awo n'asoma omwo mu maaso g'ekifo ekigazi ekyayolekera omulyango ogw'amazzi, okuva enkya ku makya okutuusa ettuntu, abasajja n'abakazi nga weebali, n'abo abayinza okutegeera; abantu bonna ne batega amatu okuwulira ekitabو eky'amateeka.
 - 4 Ezera omuwandiisi n'ayimirira ku kituuti eky'emiti kye baali bakoledde omulimu ogwo; n'okumuliraana ne wayimirira Mattisiya ne Sema ne Anaya ne Uliya ne Kirukiya ne Maaseya ku mukono gwe ogwa ddyo; ne ku mukono gwe ogwa kkono Pedaya ne Misayeri ne Malukiya ne Kasumu ne Kasubaddana, Zekkaliya ne Mesulamu.
 - 5 Awo Ezera n'ayanjululiza ekitabو mu maaso g'abantu bonna; (kubanga yali waggulu w'abantu bonna;) kale bwe yakyanjuluza, abantu bonna ne bayimirira:
 - 6 Ezera ne yeebaza Mukama Katonda omukulu. Abantu bonna ne baddamu nti Amiina, Amiina, nga bayimusa emikono gyabwe: ne bakutama emitwe gyabwe ne basinza Mukama nga bavuunamyе amaaso gaabwe.
 - 7 Era Yesuwa ne Baani ne Serebiya ne Yamini ne Akkubu ne Sabbesayi ne Kodiya ne Maseya ne Kerita ne Azaliya ne Yozabadi ne Kanani ne Peraya n'Abaleevi ne bategeeza abantu amateeka: abantu ne bayimirira mu kifo kyabwe.
 - 8 Ne basoma mu kitabo mu mateeka ga Katonda okuwulikika; ne baleeta amakulu n'okutegeera ne bategeera ebyasomebwa.
 - 9 Awo Nekkemiya Tirusaasa ne Ezera kabona omuwandiisi n'Abaleevi abaayigirizanga abantu ne bagamba abantu bonna nti Olunaku luno lutukuvu eri Mukama Katonda wammwe; temunakuwala so temukaaba maziga. Kubanga abantu bonna baakaaba amaziga bwe baawulira ebigambo eby'omu mateeka.
 - 10 Awo n'abagamba nti Mweddireyo, mulye amasavu, munywe ebiwoomerevu, muweereze oyo emigabo atategekeddwa kintu: kubanga olunaku luno lutukuvu eri Mukama waffe: so temunakuwala; kubanga essanyu lya Mukama ge maanyi gammwe.
 - 11 Awo Abaleevi ne basirisa abantu bonna nga boogera, nti Musirike, kubanga olunaku luno lutukuvu; so temunakuwala.
 - 12 Awo abantu bonna ne beddirayo okulya n'akunywa n'okuwereeza emigabo n'okusanyuka essanyu lingi, kubanga bategedde ebigambo ebibabuuliddwa.
 - 13 Awo ku lunaku olw'okubiri ne wakuaana emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe ez'abantu bonna, bakabona n'Abaleevi, awali Ezera omuwandiisi, okutega amatu eri ebigambo eby'amateeka.
 - 14 Ne balaba ebyawandiikibwa mu mateeka Mukama bwe yalagirira mu Musa, abaana ba Isiraeri basulenga mu nsiisira mu mbaga ey'omu mwezi ogw'omusanvu:
 - 15 bategeezenga era balangirirenga mu bibuga byabwe byonna ne mu Yerusaalemi nti Mufulume ku lusozi, mukime amatabi g'emizeyituuni, n'amatabi ag'emizeyituuni egy'omu nsiko, n'amatabi g'emikadasi, n'amatabi g'enkindu, n'amatabi g'emiti emiziyivu, okukola ensiisira nga bwe kyawandiikibwa.
 - 16 Awo abantu ne bafuluma ne bagaleeta ne beekolera ensiisira, buli muntu waggulu ku nnyumba ye ne mu mpya zaabwe ne mu mpya z'ennyumba ya Katonda ne mu kifo ekigazi eky'oku mulyango ogw'amazzi ne mu kifo ekigazi eky'okumulyango gwa Efulayimu.
 - 17 Awo ekibiina kyonna eky'abo abaali bakomyewo okuva mu bunyage ne bakola ensiisira ne basula mu nsiisira: kubanga okuva mu nnaku za Yesuwa mutabani wa Nuuni

okutuusa ku lunaku luli abaana ba Isiraeri tebaakolanga bwe batyo. Ne wabaawo essanyu lingi nnyo.

- 18** Era buli lunaku ng'asookera ku lunaku olw'olubereberye n'amalira ku lunaku olw'enkomerero n'asomanga mu kitabo eky'amateeka ga Katonda. Ne bakwatira embaga ennaku musanvu; ne ku lunaku olw'omunaana ne wabaawo okukuaana okutukuvu, ng'ekiragiwo bwe kiri.

Essuula 9

- 1** Awo ku lunaku olw'abiri mu nnya olw'omwezi guno abaana ba Isirieri baali bakuaanye nga basiiba era nga bambadde ebibukutu era nga basaabye ettaka.
- 2** Awo ezzadde lya Isiraeri ne beeyawula mu bannaggwanga bonna, ne bayimirira ne baatula ebibi byabwe n'obutali butuukirivu bwa bajjajjaabwe.
- 3** Ne bayimirira mu kifo kyabwe ne basoma mu kitabo eky'amateeka ga Mukama Katonda waabwe ne bamala ekitundu ky'olunaku eky'okuna; n'ekitundu eky'okuna ekirala ne baatula, ne basinza Mukama Katonda waabwe.
- 4** Awo ne wayimirira ku madaala g'Abaleevi Yesuwa ne Baani ne Kadumyeri ne Sebaniya ne Bunni ne Serebiya ne Baani ne Kenani, ne bakaabira Mukama Katonda waabwe n'eddoboozi ddene.
- 5** Awo Abaleevi, Yesuwa ne Kadumyeri ne Baani ne Kasabuneya ne Serebiya ne Kodiya ne Sebaniya ne Pesakiya ne boogera nti Muyimirire mwebaze Mukama Katonda wammwe okuva emirembe gyonna n'okutuusa emirembe gyonna: era erinnya lyo ery'ekitiibwa lyebazibwe erigulumizibwa okusinga okwebaza kwonna n'okuten-dereza.
- 6** Ggwe Mukama, ggwe wekka; ggwe wakola eggulu, eggulu erya waggulu, n'eggye lyalyo lyonna, ensi n'ebintu byonna ebiri okwo, ennyanja ne byonna ebiri omwo, era ggwe obikuuma byonna; n'eggye ery'omu ggulu likusinza.
- 7** Ggwe Mukama Katonda yennyini, eyalonda Ibulayimu n'omuggya mu Uli ey'Abakaludaaya, n'omuwa erinnya Ibulayimu;
- 8** n'olaba omutima gwe nga mwesigwa mu maaso go, n'olagaana naye endagaano okuwa ensi ey'Omukanani n'Omukiiti n'Omwamoli n'Omuperizi n'Omuyebusi n'Omugirugaasi, okugiwa ezzadde lye, era otuukirizza ebigambo byo kubanga ggwe mutuukirivu.
- 9** Era walaba okubonaabona kwa bajjajjaaffe mu Misiri n'owulira okukaaba kwabwe ku ttale ly'Ennyanja Emmyufu;
- 10** n'olaga obubonero n'eby'amagero ku Falaawo n'abaddu be bonna n'abantu bonna ab'omu nsi ye; kubanga wamanya nga baabakola eby'amalala; ne weefunira erinnya nga bwe kiri leero.
- 11** Era wayawula mu nnyanja mu maaso gaabwe n'okuyita ne bayita wakati mu nnyanja ku lukalu; n'abo abaabagoberera n'obakasuka mu buziba ng'ejjinja bwe likasukibwa mu mazzi ag'amaanyi.
- 12** Era nate n'obaluamya ng'oyima mu mpagi ey'ekire emisana; era ng'oyima mu mpagi ey'omuliro ekiro, okubamulisiza mu kkubo lye baba bayitamu.
- 13** Era wakka ku lusozi Sinaayi, n'oyogera nabo ng'oyima mu ggulu; n'obawa ensala entuufu n'amateeka ag'amazima, ebyakuutirwa ebirungi n'ebiragiwo:
- 14** n'obamanyisa ssabbiiti yo entukuvu, n'obalagira ebiragiwo n'amateeka ne tawuleeti mu mukono gwa Musa omuddu wo:
- 15** n'obawanga emmere eyava mu ggulu olw'enjala yaabwe, n'obaggira amazzi mu lwazi olw'ennyonta yaabwe, n'obalagira bayingire okulya ensi gye wayimusiza omukono gwo okubawa.

- 16 Naye bo ne bajjajjaaffe ne bakola eby'amalala, ne bakakanyaza ensingo yaabwe, ne bawulira biragiro byo,
- 17 ne bagaana okugonda so tebajjukira bya magero byo bye wakola mu bo; naye ne bakakanyaza ensingo yaabwe, ne bassaawo omwami nga bajeemye okuddayo mu buddu bwabwe: naye ggwe Katonda eyeeteeseteese okusonyiwa, ow'ekisa era ajjudde okusaasira, alwawo okusunguwala, era akwatirwa ennyo ekisa, n'otobaleka.
- 18 Weewaawo, bwe baakola ennyana ensaanuuse, ne boogera nti Ono ye Katonda wo eyakuggya mu Misiri, era nga bakoze ebinyiiza ennyo;
- 19 naye ggwe olw'okusaasira kwo okutali kumu n'otobaleka mu ddungu: empagi ey'ekire teyabavangako emisana okubaluamiza mu kkubo; newakubadde empagi ey'omuliro ekiro okubamulisiza n'okubalaga ekkubo lye baba bayitamu.
- 20 Era wawa omwoyo gwo omulungi okubayigiriza, so tewabammanga manu yo mu kamwa kaabwe, n'obawa amazzi olw'ennyonta yaabwe.
- 21 Weewaawo, wabaliisiza emyaka amakumi ana mu ddungu, ne batabulwanga kintu; ebyambalo byabwe tebyakaddiwanga n'ebigere byabwe tebyazimbanga.
- 22 Era wabawa obwakabaka n'amawanga ge wagaba ng'emigabo gyabwe bwe gyali: kale ne balya ensi ya Sikoni, ensi ya kabaka w'e Kesuboni, n'ensi ya Ogi kabaka w'e Basani.
- 23 Era n'abaana baabwe wabaaza ng'emmunyeenze ez'omu ggulu, n'obayingiza mu nsi gye wagambako bajjajjaabwe nga baligiyingira okugirya.
- 24 Kale abaana ne bayingira ne balya ensi, n'owangula abaali mu nsi mu maaso gaabwe, Abakanani, n'obawaayo mu mikono gyabwe, ne bakabaka baabwe n'amawanga ag'omu nsi, babakole nga bwe bayagala.
- 25 Ne bamenya ebibuga ebyaliko enkomera, n'ensi engimu, ne balya ennyumba ezajjula ebirungi byonna, ebidiba ebyabajjibwa, ensuku ez'e emizabbibu, n'ez'emizeyituuni, n'emiti egibala ebibala mingi nnyo: awo ne balya ne bakkuta, ne bagejja ne basanyukiranga obulungi bwo obungi.
- 26 Era naye ne batagondanga ne bakujeemeranga ne basuulanga amateeka go ennyuma w'amabega gaabwe, ne battanga bannabbi bo abaabanga abajulirwa eri bo okubakyusa nate gy'oli, ne bakolanga ebinyiiza ennyo.
- 27 Kyewava obagabulanga mu mukono gw'abalabe baabwe abaabeeraliikirizanga: kale mu kiseera mwe baalabira ennaku bwe baakukaabiranga, n'obawuliranga ng'oyima mu ggulu; era ng'okusaasira kwo okutali kumu bwe kwali n'obawanga abalokozi abaabalokolanga mu mukono gw'abalabe baabwe.
- 28 Naye bwe baamalanga okuwummula, ne beeyongeranga okukola obubi mu maaso go: kyewava obalekanga mu mukono gw'abalabe baabwe n'okufuga ne babafuga: naye bwe baakomangawo ne bakukaabira, n'owulira, ng'oyima mu ggulu; n'obawonyanga emirundi mingi ng'okusaasira kwo bwe kwali;
- 29 n'obanga mujulirwa eri bo olyoke obakomyengawo eri amateeka go: naye ne bakolanga eby'amalala ne bawuliranga mateeka go, naye ne basobyanga emisango gyo, (egyo omuntu bw'agikola, anaabanga mulamu mu gyo,) ne baggyangawo ekibegabega, ne bakakanyazanga ensingo yaabwe, ne batayagalanga kuwulira.
- 30 Naye n'obagumiikirizanga emyaka mingi, n'obanga mujulirwa eri bo n'omwoyo gwo mu bannabbi bo: naye ne batayagalanga kutega kutu: kyewava obagabulanga mu mukono gw'amawanga ag'omunsi.
- 31 Naye olw'okusaasira kwo okutali kumu n'otobamalirangawo ddala, so tewabalekanga; kubanga ggwe oli Katonda wa kisa era ow'okusaasira.
- 32 Kale nno, Katonda waffe, Katonda omukulu, ow'amaanyi, ow'entiisa, akwata endagaano n'okusaasira, okutegana kwonna kuleme okufaanana okutono mu maaso go, okwatubangako, ku bassekabaka baffe, ku bakungu baffe, ne ku bakabona baffe, ne ku

bannabbi baffe, ne ku bajjajjaffe, ne ku bantu bo bonna, okuva ku mirembe gya bakabaka b'e Bwasuli na buli kati.

- 33 Naye ggwe mutuukirivu mu byonna ebyatubangako kubanga wakolanga eby'amazima, naye ffebwakolanga obubi:
- 34 so ne bassetabaka baffe n'abakungu baffe ne bakabona baffe ne bajjajjaffe tebaakwatanga mateeka go so tebaawuliranga biragiyo byo n'emisango gyo bye wategeeza eri bo.
- 35 Kubanga tebaakuweerezanga mu bwakabaka bwabwe, ne mu bulungi bwo obungi bwe wabawa, ne mu nsi ennene engimu gye wawa mu maaso gaabwe, so tebaakyukanga okuleka ebikolwa byabwe ebibi.
- 36 Laba, tuli baddu leero, n'ensi gye wawa bajjajjaffe, okulyanga ebibala byamu n'obulungi bwamu, laba, tuli baddu omwo.
- 37 Era ewa amagoba mangi bakabaka be wassaawo okutufuga olw'okwonoona kwaffe: era balina obuyinza ku mibiri gyaffe, n'ebisibo byaffe, nga bwe basiima, naffe tulabye ennaku nnyingi.
- 38 Era naye ebyo byonna newakubadde nga bibaddewo tulagaana endagaano ey'enkalakkalira, ne tugiwandiiika; abakungu baffe n'Abaleevi baffe ne bakabona baffe ne bagissaako akabonero.

Essuula 10

- 1 Era abo abassaako akabonero be bano, Nekkemiya Tirusaasa, mutabani wa Kakaliya, ne Zeddekiya;
- 2 Seraya, ne Azaliya ne Yemiya;
- 3 ne Pasukuli ne Amaliya ne Malukiya;
- 4 ne Kattusi ne Sebaniya ne Malluki;
- 5 ne Kalimu ne Meremoosi ne Obadiya;
- 6 ne Danyeri ne Ginnesoni ne Baluki;
- 7 ne Messulamu ne Abiya ne Miyamini;
- 8 ne Maaziya ne Birugayi ne Semaaya: abo be baali bakabona.
- 9 N'Abaleevi amannya gaabwe, Yesuwa mutabani wa Azaniya ne Binnuyi ow'oku baana ba Kenadadi ne Kadumyeri;
- 10 ne baganda baabwe, Sebaniya ne Kodiya ne Kerita ne Peraya ne Kanani;
- 11 ne Mikka ne Lekobu ne Kasabiya;
- 12 ne Zakkuli ne Serebiya ne Sebaniya;
- 13 ne Kodiya ne Baani ne Beninu.
- 14 Abakulu b'abantu: Palosi ne Pakasumowaabu ne Eramu ne Zattu ne Baani;
- 15 ne Bunni ne Azugaadi ne Babayi;
- 16 ne Adoniya ne Biguvayi ne Adini;
- 17 ne Atera ne Keezeekiya ne Azzuli;
- 18 ne Kodiya ne Kasumu ne Bezayi;
- 19 ne Kalifu ne Anasosi ne Nobayi;
- 20 ne Magupiyasi ne Mesullamu ne Keziri;
- 21 ne Mesezaberi ne Zadoki ne Yadduwa;
- 22 ne Peratiya ne Kanani ne Anaya;
- 23 ne Koseya ne Kananiya ne Kassubu;
- 24 ne Kallokesi ne Piruka ne Sobeki;
- 25 ne Lekumu ne Kasabuna ne Maaseya;
- 26 ne Akiya ne Kanani ne Anani;
- 27 ne Malluki ne Kallimu ne Baana.

- 28** N'abantu abalala bonna, bakabona n'Abaleevi n'abaggazi n'abayimbi n'Abanesinimu n'abo bonna abeeyawula mu mawanga ag'omu nsi eri amateeka ga Katonda, bakazi baabwe, batabani baabwe, ne bawala baabwe, buli muntu eyalina okumanya n'okutegeera;
- 29** ne beegatta ne baganda baabwe, abakungu baabwe, ne beegwanyiza ekikolimo n'ekirayiro okutambuliranga mu mateeka ga Katonda agaaweerwa mu Musa omuddu wa Katonda, n'okukwatanga n'okukolanga ebiragiro byonna ebya Mukama, Mukama waffe, n'emisango gye n'amateeka ge;
- 30** era tulemenga okuwa bawala baffe amawanga ag'omu nsi, newakubadde okutwaliranga batabani baffe bawala baabwe;
- 31** era amawanga ag'omu nsi bwe banaaletanga ebintu oba ebyokulya byonna okutundira ku lunaku olwa ssabbiiti, obutagulaaniranga nabo ku ssabbiiti newakubadde ku lunaku olutukuvu: era nga tunaalekanga omwaka ogw'omusanvu, n'okubanjanga ebbanja lyonna.
- 32** Era ne tweteekerawo amateeka okwesaliranga buli mwaka ekitundu eky'okusatu ekya sekeri olw'okuweerezanga okw'omu nnyumba ya Katonda waffe;
- 33** olw'emigaati egy'okulaga n'olw'ekiweebwayo eky'obutta ekitaggwaawo n'olw'ekiweebwayo ekyokebwa ekitaggwaawo, eby'oku ssabbiiti n'eby'oku myezi egyakaboneka, n'olw'embaga egyateekebwawo, n'olw'ebintu ebitukuvu n'olw'ebiweebwayo olw'ekibi okutangirira Isiraeri, n'olw'emirimu gyonna egy'omu nnyumba ya Katonda waffe.
- 34** Ne tukuba obululu, bakabona n'Abaleevi n'abantu, olw'ekiweebwayo eky'enku, okuzireetanga mu nnyumba ya Katonda waffe ng'ennyumba za bakitaffe bwe zaali mu biseera ebyalagirwa buli mwaka, okwokeera ku kyoto kya Mukama Katonda waffe nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka:
- 35** n'okuleetanga ebibala ebibereberye eby'ettaka lyaffe, n'ebibereberye eby'ebibala byonna eby'oku miti egy'engeri zonna buli mwaka mu nnyumba ya Mukama:
- 36** era n'ababereberye ku batabani baffe ne ku bisibo byaffe nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka, n'ebibereberye ku nte zaffe ne ku ndiga zaffe okuleetanga mu nnyumba ya Katonda waffe eri bakabona abaaweererezanga mu nnyumba ya Katonda waffe:
- 37** era nga tunaaleetanga ebibereberye eby'omugoyo gwaffe n'ebiweebwayo byaffe ebisitulibwa, n'ebibala eby'oku miti egy'engeri zonna, omwenge n'amafuta, eri bakabona mu bisenge eby'omu nnyumba ya Katonda waffe; n'ebitundu eby'ekkumi eby'ettaka lyaffe eri Abaleevi; kubanga abo, Abaleevi, be baaweebwa ebitundu eby'ekkumi mu bibuga byonna gye tulimira.
- 38** Era kabona mutabani wa Alooni anaabanga wamu n'Abaleevi, Abaleevi bwe banaaweebwanga ebitundu eby'ekkumi: era Abaleevi banaaletanga ekitundu eky'ekkumi eky'oku bitundu eby'ekkumi mu nnyumba ya Katonda waffe, mu bisenge mu nnyumba ey'okuterekamu eby'obugagga.
- 39** Kubanga abaana ba Isiraeri n'abaana ba Leevi banaaletanga ekiweebwayo ekisitulibwa eky'eaano n'eky'omwenge n'eky'amafuta mu bisenge omuli ebintu eby'omu kifo ekitukuvu, ne bakabona abaweereza n'abaggazi n'abayimbi: so tetuulekenga nnyumba ya Katonda waffe.

Essuula 11

- 1** Awo abakulu b'abantu ne babeeranga mu Yerusaalemi: era n'abantu abalala ne bakuba obululu okuggya omu ku kkumi okumuleeta okubeera mu Yerusaalemi ekibuga ekitukuvu, ne bali omwenda okubeera mu bibuga ebirala.
- 2** Awo abantu ne beebaza abasajja bonna abeeronda ku bwabwe okubeera mu

Yerusaalemi.

- 3 Era bano be bakulu b'essaza abaabeeranga mu Yerusaalemi: naye mu bibuga bya Yuda ne mubeeramu buli muntu mu butaka bwe mu bibuga byabwe, Isiraeri, bakabona n'Abaleevi n'Abanesinimu n'abaana b'abaddu ba Sulemaani.
- 4 Ne mu Yerusaalemi ne mubeeramu abamu ku baana ba Yuda ne ku baana ba Benyamini. Ku baana ba Yuda: Ataya mutabani wa Uzziya mutabani wa Zekkaliya mutabani wa Amaliya mutabani wa Sefatiya mutabani wa Makalaleri ow'oku baana ba Preezi;
- 5 ne Maaseya mutabani wa Baluki mutabani wa Kolukoze mutabani wa Kazaya mutabani wa Adaya mutabani wa Yoyalibu mutabani wa Zekkaliya omwana w'Omusiuro.
- 6 Batabani ba Preezi bonna abaabeera mu Yerusaalemi baali ebikumi bina mu nkaaga mu munaana abasajja abazira.
- 7 Era bano be batabani ba Benyamini: Sallu mutabani wa Mesullamu mutabani wa Yowedi, mutabani wa Pedaya mutabani wa Kolaya mutabani wa Maaseya mutabani wa Isiyeri mutabani wa Yesaya.
- 8 Awo oluvannyuma lw'oyo Gabbayi ne Sallayi, olwenda mu amakumi abiri mu munaana.
- 9 Ne Yoweeri, mutabani wa Zikuli ye yali omulabirizi waabwe: ne Yuda mutabani wa Kassenuwa ye yali ow'okubiri okufuga ekibuga.
- 10 Ku bakabona: Yedaya mutabani wa Yoyalibu ne Yakini
- 11 ne Seraya mutabani wa Kirukiya mutabani wa Mesullamu mutabani wa Zadoki mutabani wa Merayoosi mutabani wa Akitubu, omukulu w'ennyumba ya Katonda,
- 12 ne baganda baabwe abaakolanga omulimu ogw'omu nnyumba, olunaana mu abiri mu babiri: ne Adaya mutabani wa Yerokamu mutabani wa Peraliya mutabani wa Amuzi mutabani wa Zekkaliya mutabani wa Pasukuli mutabani wa Malukiya,
- 13 ne baganda be, abakulu b'ennyumba za bakitaabwe, ebikumi bibiri mu ana mu babiri: ne Amasusaayi mutabani wa Azaleri mutabani wa Azayi mutabani wa Mesiremoosi mutabani wa Immeri,
- 14 ne baganda baabwe, abasajja ab'amaanyi abazira, kikumi mu abiri mu munaana: ne Zabudyeri mutabani wa Kaggedolimu ye yali omulabirizi waabwe.
- 15 Ne ku Baleevi: Semaaya mutabani wa Kassubu mutabani wa Azulikamu mutabani wa Kasabiya mutabani wa Bunni;
- 16 ne Sabbesayi ne Yozabadi, ku bakulu b'Abaleevi abaalabiriranga emirimu egy'ebweru egy'ennyumba ya Katonda;
- 17 ne Mattaniya mutabani wa Mikka mutabani wa Zabudi mutabani wa Asafu eyali omukulu okuleeterezanga okwebaza bwe baasabanga, ne Bakubukiya ow'okubiri mu baganda be; ne Abuda mutabani wa Sammuwa mutabani wa Galali mutabani wa Yedusuni.
- 18 Abaleevi bonna abaali mu kibuga ekitukuvu baali ebikumi bibiri mu kinaana mu bana.
- 19 Era nate abaggazi, Akkubu ne Talumooni ne baganda baabwe abaakuumanga emiryango baali kikumi mu nsanvu mu babiri.
- 20 N'Abaisiraeri bonna abalala, ku bakabona Abaleevi, baabanga mu bibuga byonna ebya Yuda, buli muntu mu busika bwe.
- 21 Nave Abanesinimu ne babeeranga mu Oferi: ne Zika ne Gisupa be baali abakulu b'Abanesinimu.
- 22 Ne Uzzi mutabani wa Baani mutabani wa Kasabiya mutabani wa Mattaniya mutabani wa Mikka, ow'oku baana ba Asafu abayimbi, ye yali omulabirizi w'Abaleevi e Yerusaalemi okulongoosa emirimu egy'omu nnyumba ya Katonda.
- 23 Kubanga kabaka yali alagidde ebigambo byabwe, era yali akuutidde abayimbi

eby'enkalakkalira nga buli lunaku bwe lwetaaga.

- 24 Ne Pesakiya mutabani wa Mesezaberi ow'oku baana ba Zeera mutabani wa Yuda yabanga ku mukono gwa kabaka olw'ebigambo byonna eby'abantu.
- 25 N'olw'ebyalo n'ennimiro zaako, abamu ku baana ba Yuda ne babeeranga mu Kirasualuba ne mu bibuga byako, ne mu Diboni n'ebibuga byako, ne mu Yekabuzeeri n'ebyalo byako:
- 26 ne mu Yesuwa ne mu Molada ne Besupereti;
- 27 ne mu Kazalusuali ne mu Beeruseba ne mu bibuga byako;
- 28 ne mu Zikulagi ne mu Mekona n'ebibuga byako;
- 29 ne mu Enulimmoni ne mu Zola ne mu Yalamusi;
- 30 Zanowa ne Adulamu n'ebyalo byako, Lakisi n'ennimiro zaako, Azeka n'ebibuga byako. Bwe batyo bwe baasisira okuva e Beeruseba okutuuka ku kiwonvu kya Kinomu.
- 31 Abaana ba Benyamini nabo ne babeeranga okuva e Geba n'okweyongerayo e Mikumasi ne Ayiya, ne Beseri n'ebibuga byako;
- 32 Anasosi ne Nobu ne Ananiya;
- 33 Kazoli ne Laama ne Gittayimu;
- 34 ne Kadidi ne Zeboyimu ne Neballati;
- 35 ne Loodi ne Ono, ekiwonvu eky'abakozi.
- 36 Ne ku Baleevi ebisanja ebimu eby'omu Yuda ne bigattibwa ne Benyamini.

Essuula 12

- 1 Era bano be bakabona n'Abaleevi abaayambuka ne Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri, ne Yesuwa, Seraya ne Yeremiya ne Ezera;
- 2 ne Amaliya ne Malluki ne Kattusi;
- 3 ne Sekaniya ne Lekumu ne Meremoosi;
- 4 ne Iddo ne Ginnesoyi ne Abiya;
- 5 ne Miyamini ne Maadiya ne Biruga;
- 6 ne Semaaya ne Yoyalibu ne Yedaya;
- 7 ne Sallu ne Amoki ne Kirukiya ne Yedaya. Abo be baali abakulu ba bakabona n'aba baganda baabwe mu nnaku za Yesuwa.
- 8 Era nate Abaleevi; Yesuwa ne Binnuyi ne Kadumyeri ne Serebiya ne Yuda ne Mattaniya eyali omukulu w'okwebaza, ye ne baganda be.
- 9 Era Bakubukiya ne Unni baganda baabwe ne baboolekera mu bisanja.
- 10 Yesuwa n'azaala Yoyakimu, Yoyakimu n'azaala Eriyasibu, Eriyasibu n'azaala Yoyada,
- 11 Yoyada n'azaala Yonasaani, Yonasaani n'azaala Yadduwa.
- 12 Mu nnaku za Yoyakimu ne wabaawo bakabona emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe; owa Seraya, Meraya; owa Yeremiya, Kananiya;
- 13 owa Ezera, Mesullamu; owa Amaliya, Yekokanani;
- 14 owa Malluki, Yonasaani; owa Sebania, Yusufu;
- 15 owa Kalimu, Aduna; owa Merayoosi, Kerukayi;
- 16 owa Iddo, Zekkaliya; owa Ginaesoni, Mesullamu;
- 17 owa Abiya, Zikuli; owa Miniyamini, owa Mowadiya, Pirutayi;
- 18 owa Biruga, Sammuwa; owa Semaaya, Yekonasani;
- 19 n'owa Yoyalibu, Mattenayi; owa Yedaya, Uzzi;
- 20 owa Sallayi, Kallayi; owa Amoki, Eberi;
- 21 owa Kirukiya, Kasabiya; owa Yedaya, Nesaneeri.
- 22 Abaleevi mu nnaku za Eriyasibu, Yoyada ne Yokanani ne Yadduwa, ne bawandiikibwa

nga gye mitwe gy'ennyumba za bakitaabwe: era ne bakabona, Daliyo Omuperusi nga ye kabaka.

- 23 Batabani ba Leevi, emitwe gy'ennyumba za bakitaabwe, ne bawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe okutuusa ku nnaku za Yokanani mutabani wa Eriyasibu.
- 24 N'abakulu b'Abaleevi: Kasabiya ne Serebiya ne Yesuwa mutabani wa Kadumyeri ne baganda baabwe nga baboolekedde okutenderezanga n'okwebazanga ng'ekiragirowe bwe kyali ekya Dawudi omusajja wa Katonda, ekisanja nga kyolekera ekisanja.
- 25 Mattaniya ne Bakubukiya ne Obadiya ne Mesullamu ne Talumooni ne Akkubu be baali abaggazi nga bakuuma amawanika ag'oku miryango.
- 26 Abo be baaliwo mu biro bya Yoyakimu mutabani wa Yesuwa mutabani wa Yozadaki, ne mu biro bya Nekkemiya owessaza, n'ebya Ezera kabona omuwandiisi.
- 27 Awo bwe baatukuza bbugwe wa Yerusalemi, ne banoonya Abaleevi mu bifo byabwe byonna, okubaleeta e Yerusalemi, okukwata embaga ey'okutukuza n'essanyu, nga beebaza era nga bayimba, nga balina ebitaasa n'entongooli n'ennanga.
- 28 Abaana b'abayimbi ne bakuaana, okuva mu lusenyi olwetoolodde Yerusalemi ne mu byalo eby'Abanetofa;
- 29 era ne mu Besugirugaali ne mu nnimiro ez'oku Geba ne Azumaveesi kubanga abayimbi baali beezimbidde ensiisira okwetooloola Yerusalemi.
- 30 Awo bakabona n'Abaleevi ne beerongoosa; ne balongoosa abantu n'emiryango ne bbugwe.
- 31 Awo ne nnyambusa abakulu ba Yuda ku bbugwe, ne nteekawo ebibiina bibiri ebinene abeebaza ne batambula nga basimbye ennyiriri; ekimu nga kitambulira ku mukono ogwa ddyo ku bbugwe mu kkubo ery'omulyango ogw'obusa:
- 32 n'oluvannyuma lwabwe Kosaaya n'atambula n'ekitundu eky'abakulu ba Yuda,
- 33 ne Azaliya ne Ezera ne Mesullamu
- 34 ne Yuda ne Benyamuu ne Semaaya ne Yeremiya,
- 35 n'abamu ku baana ba bakabona nga balina amakondeere: Zekkaliya mutabani wa Yoaasaani mutabani wa Semaaya mutabani wa Mattaniya mutabani wa Mikaaya mutabani wa Zakkuli mutabani wa Asafu;
- 36 ne baganda be, Semaaya ne Azaleeri ne Miralayi ne Giralayi ne Maayi ne Nesaneeri ne Yuda ne Kanani, nga balina ebivuga ebya Dawudi omusajja wa Katonda; ne Ezera omuwandiisi ng'abaknlembede:
- 37 ne bayita mu mulyango ogw'oluzzi n'okusimba mu maaso gaabwe ne balinnya ku lutindo olw'ekibuga kya Dawudi, bbugwe w'ayambukira waggulu w'ennyumba ya Dawudi okutuusa ku mulyango ogw'amazzi ebuwanjuba.
- 38 N'ekibiina eky'okubiri eky'abo abeebaza ne bagenda okubasisinkana, nange nga mbavaako ennyuma, wamu n'ekitundu ky'abantu ku bbugwe engulu w'ekigo eky'ebikoomi, okutuusa ku bbugwe omugazi;
- 39 era engulu w'omulyango gwa Efulayimu, n'awali omulyango omukadde, n'awali omulyango ogw'ebyennyanja, n'ekigo kya Kananeri, n'ekigo kya Kameya, okutuusa ku mulyango ogw'endiga: ne bayimirira buyimirizi mu mulyango ogw'abakuumi.
- 40 Awo ebibiina byombi eby'abo abeebaliza mu nnyumba ya Katonda ne biyimirira, nange n'ekitundu ky'abakulu wamu nange:
- 41 ne bakabona, Eriyakimu ne Maaseya ne Miniyamini ne Mikaaya ne Eriwenayi ne Zekkaliya ne Kananiya nga balina amakondeere;
- 42 ne Maaseya ne Semaaya ne Ereyazaali ne Uzzi ne Yekokanani ne Malukiya ne Eramu ne Ezera. Abayimbi ne bayimba n'eddoboosi ddene, Yezulakiya nga ye mukulu waabwe.
- 43 Ne bawayo ssaddaaka enkulu ku lunaku olwo ne basanyuka; kubanga Katonda yali abasanyusizza essanyu lingi; era n'abakazi n'abaana abato ne basanyuka: awo essanyu

ery'e Yerusaalemi n'okuwulirwa ne liwulirirwa wala.

- 44 Awo ku lunaku olwo ne balonda abantu okuba abakulu b'enju ez'amawanika olw'ebi-weebwayo ebisitulibwa, olw'ebibala ebibereberye, n'olw'ebitundu eby'ekkumi, okuzikuaanyizaamu ng'ennimiro ez'oku bibuga bwe zaali, emigabo egyalagirwa bakabona n'Abaleevi mu mateeka: kubanga Yuda yasanyuka olwa bakabona n'Abaleevi abaaweereza.
- 45 Era baakwata ebisanja bya Katonda waabwe n'ebisanja eby'okulongoosa, era bwe batyo bwe baakola n'abayimbi n'abaggazi ng'ekiragiro kya Dawudi bwe kyali n'ekya Sulemaani mutabani we.
- 46 Kubanga mu nurembe gya Dawudi ne Asafu edda waabangawo omukulu w'abayimbi, n'ennyimba ez'okutenderezanga dokwebazanga Katonda.
- 47 Era Isiraeri yenna mu biro bya Zerubbaberi ne mu biro bya Nekkemiya ne bawa emigabo gy'abayimbi n'abaggazi ng'ebiyagwaniranga buli lunaku bwe byali: ne batukulizanga Abaleevi; Abaleevi ne batukulizanga batabani ba Alooni.

Essuula 13

- 1 Ku lunaku olwo ne basoma mu kitabo kya Musa mu matu g'abantu; ne basanga nga kyawandiikibwa omwo Omwamoni n'Omumowaabu obutayingiranga mu kkuaaniri lya Katonda emirembe gyonna;
- 2 kubanga tebaasisinkana baana ba Isiraeri nga balina emmere n'amazzi, naye ne bagulirira Balaamu eri bo okubakolimira: era naye Katonda waffe n'afuula ekikolimo okuba omukisa.
- 3 Awo olwatuuka bwe baawulira amateeka, ne balyoka baawula mu Isiraeri ekibiina kyonna eky'abannaggwanga.
- 4 Era ebyo nga tebinnabaawo Eriyasibu kabona eyalondebwa okuba omukulu w'ebisenge eby'omu nnyumba ya Katonda waffe, bwe yali mukoddomi wa Tobiya,
- 5 Yali amutegekedde ekisenge ekinene, gye baatekeranga edda ebiweebwayo eby'obutta, n'omugavu, n'ebintu, n'ebitundu eby'ekkumi eby'eaano n'omwenge n'amafuta, Abaleevi bye baaweewwanga olw'ekiragiro n'abayimbi n'abaggazi n'ebi-weebwayo ebisitulibwa ebya bakabona.
- 6 Naye mu biro ebyo byonna nze nga siri Yerusaalemi: kubanga mu mwaka ogw'amakumi asatu mu ebiri ogwa Alutagizerugizi kabaka w'e Babulooni ne enda eri kabaka, awo nga wayiseewo ennaku, ne ndaga kabaka:
- 7 ne njija e Yerusaalemi ne ntegeera obubi Eriyasibu bwe yali akoze olwa Tobiya, ng'amutegekera ekisenge mu mpya ez'ennyumba ya Katonda.
- 8 Ne kinnakuwaza nnyo: kyennava nkasuka ebweru ebintu byonna eby'omu nnyumba ebya Tobiya okubiggya mu kisenge.
- 9 Awo ne ndagira ne balongoosa ebisenge: ne nzizaayo eyo ebintu eby'omu nnyumba ya Katonda n'ebiweebwayo eby'obutta n'omugavu.
- 10 Ne ntegeera nga Abaleevi baali tebannaweebwa migabo gyabwe; awo Abaleevi n'abayimbi abaakolanga omulimu nga baddukidde buli muntu mu kyalo kye.
- 11 Awo ne mpakanya abakulu ne njogera nti Kiki ekiresezza ennyumba ya Katonda? Ne mbakuaanya ne mbateeka mu kifo kyabwe.
- 12 Awo Abayuda bonna ne baleeta ekitundu eky'ekkumi eky'eaano n'omwenge n'amafuta eri amawanika.
- 13 Ne nzisaawo abawanika ku mawanika, Seremiya kabona ne Zadoki omuwandiisi, ne ku Baleevi, Pedaya: ne Kanani ye yabaddirira mutabani wa Zakkuli mutabani wa Mattaniya kubanga baalowozebwa okuba abeesigwa, n'omulimu gwabwe kugabiranga baganda baabwe.

- 14 Onjijukiranga, ai Katonda wange, olw'ekigambo ekyo, so tosangula bikolwa byange ebirungi bye nnakolera ennyumba ya Katonda wange n'olw'ebyo ebikwatirwa omwo.
- 15 Mu biro ebyo ne ndaba mu Yuda abantu nga basambira ku ssabbiiti amasogolero, era nga bayingiza ebinywa, era nga babiteeka ku ndogoyi zaabwe; era n'omwenge n'ezabibibu n'ettiini n'emigugu egy'engeri zonna gye bayingiza mu Yersaalemi ku lunaku olwa ssabbiiti: ne mba omujulirwa eri bo ku lunaku kwe baatundira ebyokulya.
- 16 Era mwabeeramu abasajja ab'e Ttuulo abaayingizanga ebyennyanya n'ebintu eby'engeri zonna, ne babaguliza ku ssabbiiti abaana ba Yuda ne mu Yersaalemi.
- 17 Awo ne ndyoka mpakanya abakungu ba Yuda ne mbagamba nti Kibi ki kino kye mukola ne mwonoona olunaku olwa ssabbiiti?
- 18 Bajjammwe si bwe baakolanga bwe batyo, era Katonda waffe teyatuleetako bubi buno bwonna ne ku kibuga kino? era naye mmwe mweyongera okuleeta obusungu ku Isiraeri nga mwonoona ssabbiiti.
- 19 Awo olwatuuka ekizikiza bwe kyasooka okukwata enzigi ez'e Yersaalemi ssabbiiti ng'eneebaako enkya, ne ndagira okuggalawo enzigi, ne ndagira obutaziggulawo okutuusa ssabbiiti lw'eriggwaako: ne nteeka abamu ku baddu bange ku nzigi, baleme okuyingiza omugugu gwonna ku lunaku olwa ssabbiiti.
- 20 Awo abasuubuzi n'abatunzi b'ebintu eby'engeri zonna ne basula ebweru wa Yersaalemi omulundi gumu oba ebiri.
- 21 Ne ndyoka mbeera omujulirwa eri bo ne mbagamba nti Kiki ekibasuzza okwetooloola bbugwe? bwe mulikola bwe mutyo nate, ndibakwata. Awo okuva ku lunaku olwo ne batajjira nate ku ssabbiiti.
- 22 Awo ne ndagira Abaleevi okwerongoosa, era okujja okukuuma enzigi okutukuza olunaku olwa ssabbiiti. Onjijukiriranga, ai Katonda wange, na kino, onsonyiwe ng'okusaasira kwo bwe kwenkana obungi.
- 23 Mu biro ebyo era ne ndaba Abayudaaya abaali bawasizza abakazi ba Asudodi n'aba Amoni n'aba Mowaabu:
- 24 n'abaana baabwe baayogeranga ekitundu lulimi lwa Asudodi so tebaayinza kwogera lulimi lwa Bayudaaya, naye ng'olulimi olwa buli ggwanga bwe lwali.
- 25 Awo ne mbawakanya ne mbakolimira ne nkubako abamu ne nkuunyuula enviiri zaabwe ne mbalayiza Katonda nti Temuwanga batabani baabwe bawala bammwe, so temutwaliranga batabani bammwe bawala baabwe, newakubadde mmwe bennyini.
- 26 Sulemaani kabaka wa Isiraeri teyayoonanga mu ebyo? naye mu mawanga mangi temwali kabaka amwenkana, era yayagalibwa Katonda we, era Katonda n'amufuula kabaka wa Isiraeri yenna: era nate n'oyo abakazi ab'amawanga ne bamwonoonyesa.
- 27 Kale tunaabawulira mmwe okukolanga obubi obwenkanidde awo okusobya Katonda waffe nga tuwasa abakazi ab'amawanga?
- 28 Era omu ku batabani ba Yoyada mutabani wa Eriyasibu kabona omukulu, yali mukodomi wa Sanubalaati Omukoloni: kyennava mmugoba gye ndi.
- 29 Obajjukiranga, ai Katonda wange, kubanga baayonoona obwakabona n'endagaano ey'obwakabona n'ey'Abaleevi.
- 30 Bwe ntyo bwe nnabalongoosa eri bannaggwanga bonna, ne nteekawo ebisanja bya bakabona n'eby'Abaleevi, buli muntu mu mulimu gwe;
- 31 n'olwekiweebwayo eky'enku mu biro ebyateekebwawo; n'olw'ebibala ebibereberye. Onjijukiranga, ai Katonda wange, okunkola obulungi.

Eseza

Essuula 1

- 1 Awo olwatuuka ku miretnbe gya Akaswero (ye Akaswero oyo eyafuga okuva e Buyindi okutuuka e Buwesiyopya, amasaza kikumi mu amakumi abiri mu musanvu:)
- 2 awo ku mirembe egyo, kabaka Akaswero bwe yatuula ku ntebe y'obwakabaka bwe eyali mu lubiri lw'e Susani,
- 3 mu mwaka ogw'okusatu ogw'okufuga kwe n'afumbira embaga abakungu be bonna n'abaddu be; obuyinza bw'e Buperusi n'e Bumeedi, abakungu n'abakulu b'amasaza nga bali mu maaso ge:
- 4 n'ayoleseza ennaku nnyingi obugagga obw'obwakabaka bwe obw'ekitiibwa n'ettendo ery'obukulu bwe obutasingika, ennaku kikumi mu kinaana.
- 5 Awo ennaku ezo bwe zaatuukirira, kabaka n'afumbira embaga abantu bonna abaali bali awo mu lubiri w'e Susani, abakulu n'abato, ennaku musanvu, mu luggya olw'oku lusuku olw'olubiri lwa kabaka;
- 6 waaliwo ebitimbe eby'engoye olweru n'olwa nnawandagala n'olwa kaniki, nga bisibiddwa n'emigwa egya bafuta ennungi n'olw'effulungu n'empeta eza ffeeza n'empagi ez'amayinja aganyirira: ebitanda byali bya zaabu ne ffeeza ku mayinja amaaliire aganyirira, amamyufu n'ameeru n'aga kyenvu n'amaddugavu.
- 7 Ne babanywesa mu bintu ebya zaabu, (ebintu nga tebifaanana byokka na byokka,) n'omwenge ogwa kabaka mungi nnyo, ng'obugabi bwa kabaka bwe bwali.
- 8 N'okunywa ne kuba ng'amateeka bwe gali; nga tewali ayinza okuwaliriza: kubanga kabaka bwe yali alagidde bw'atyo abaami bonna ab'omu nnyumba ye bakolenga buli muntu nga bw'ayagala:
- 9 Ne Vasuti kaddulubaale n'afumbira abakazi embaga mu nnyumba ya kabaka, eya kabaka Akaswero:
- 10 Awo ku lunaku olw'omusanvu, omwoyo gwa kabaka bwe gwasanyuka olw'omwenge, n'alagira Mekumani ne Bizusa ne Kalubona ne Bigusa ne Abagusa ne Zesali ne Kalukasi, abalaawe musanvu abaawererezanga mu maaso ga Akaswero kabaka,
- 11 okuteeta Vasuti kaddulubaale mu maaso ga kabaka ng'atکیدde engule ey'obwakabaka okwolesa amawanga n'abakungu obulungi bwe kubanga yali mulungi okutunuulira:
- 12 Naye kaddulubaale Vasuti n'agaana okujja olw'ekiragiro kya kabaka bwe yamulagiriza abalaawe: kabaka kyeyava asunguwala ennyo, ekiruyi kye ne kibuubuuka mu ye.
- 13 Awo kabaka n'agamba abagezi abaategeera ebiro, (kubanga eyo ye yali empisa ya kabaka eri bonna abaamanya amateeka n'emisango;
- 14 ne Kalusena ne Sesali ne Adumasa ne Talusiisi ne Melesi ne Malusema ne Memukani, abakungu musanvu ab'e Buperusi n'e Bumeedi; abaalabanga amaaso ga kabaka era abaatuulanga ku ntebe ez'oku mwanjo mu bwakabaka, abo be baamuddirira:) nti
- 15 Tunaakola tutya kaddulubaale Vasuti ng'amateeka bwe gali, kubanga takoze ekyo kabaka Akaswero ky'amulagirizza abalaawe?
- 16 Awo Memukani n'addamu mu maaso ga kabaka n'abakungu nti Vasuti kaddulubaale tayonoonye kabaka yekka era naye n'abakungu bonna n'amawanga gonna agali mu masaza gonna aga kabaka Akaswero.
- 17 Kubanga ekikolwa kino ekya kaddulubaale kiryatiikirira mu bakazi bonna okunyoomesanga babbaabwe mu maaso gaabwe bwe kinaabuulirwanga nti Kabaka Akaswero yalagira Vasuti kaddulubaale okuleetebwa mu maaso ge naye n'atajja.
- 18 Awo ku lunaku luno abakyala ab'e Buperusi n'e Bumeedi abawulidde ekikolwa kya kaddulubaale banaagamba bwe batyo abakungu bonna aba kabaka: Kale walibaawo okunyooma kungi n'obusungu.

- 19 Kabaka bw'anaasiima bw'atyo, alaalike ekiragiro kya kabaka, era kiwandiikibwe mu mateeka aga Abaperusi n'Abameedi kireme okuwaanyisibwa, Vasuti aleme okujja nate mu maaso ga kabaka Akaswero; era n'obukulu bwe obwa kaddulubaale kabaka abuwe omulala amusinga obulungi.
- 20 Awo bwe banaalaalika etteeka lya kabaka ly'anaateeka okubunya obwakabaka bwe bwonna, (kubanga bunene,) kale abakazi bonna banassangamu ekitiibwa babbaabwe, abakulu n'abato.
- 21 Ekigambo ekyo ne kisanyusa kabaka n'abalangira; kabaka n'akola ng'ekigambo kya Memukani bwe kyali:
- 22 kubanga yaweereza ebbaluwa mu masaza gonna aga kabaka; mu buli ssaza ng'empandiika yaalyo bwe yali, na buli ggwanga ng'olulimi lwabwe bwe lwali, buli musajja afugenga mu nnyumba ye ye, era akiraalike ng'olulimi lw'abantu be bwe lwali.

Essuula 2

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, obusungu bwa kabaka Akaswero bwe bwakkakkana, n'alyoka ajjukira Vasuti n'ekyo kye yakola n'ekyo ekyateekebwa eri ye.
- 2 Awo abaddu ba kabaka abaamuweerezanga ne boogera nti Banoonyeze kabaka abawala abato abalungi abatamanyi musajja:
- 3 era kabaka ateekewo abaami mu masaza gonna ag'omu bwakabaka bwe, bakuaanyize abawala abato abalungi bonna e Susani mu lubiri mu nnyumba y'abakazi, mu mukono gwa Kegayi omulaawe wa kabaka, omukuumi w'abakazi; era ebintu byabwe eby'okulongoosa babiweebwe:
- 4 awo omuwala kabaka gw'alisiima abe kaddulubaale mu kifo kya Vasuti. Ekigambo ekyo ne kisanyusa kabaka; n'akola bw'atyo.
- 5 Waaliwo Omuyudaaya mu Susani mu lubiri, erinnya lye Moluddekaayi mutabani wa Yayiri mutabani wa Simeeyi mutabani wa Kiisi Omubenyamini;
- 6 eyaggibwa mu Yerusalemi wamu n'abasibe abaatwalirwa awamu ne Yekoniya kabaka wa Yuda, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni gwe yatwala.
- 7 N'alera Kadassa, ye Eseza muwala wa kitaawe omuto: kubanga teyalina kitaawe newakubadde nnyina, era omuwala oyo yali mulungi nnyo; awo nnyina ne kitaawe bwe baafa, Moluddekaayi n'amutwala okuba omwana we ye.
- 8 Awo olwatuuka ekiragiro kya kabaka n'etteeka lye bwe byawulirwa, n'abawala bangi nga bakuaanidde e Susani mu lubiri mu mukono gwa Kegayi, awo Eseza n'atwalibwa mu nnyumba ya kabaka mu mukono gwa Kegayi omukuumi w'abakazi.
- 9 Awo omuwala oyo n'amusanyusa, n'afuna ekisa eri ye; n'ayanguwa okumuwa ebintu bye eby'okulongoosa wamu n'emigabo gye n'abawala omusanvu abaagwanira okubamuwa nga baggibwa mu nnyumba ya kabaka: n'amujjulula ye n'abawala be n'abayingiza mu kifo ekyasinga obulungi mu nnyumba ey'abakazi.
- 10 Eseza yali tategeezanga abantu be bwe baali newakubadde ekika kye: kubanga Moluddekaayi yali amukuutidde obutakitegeeza.
- 11 Era Moluddekaayi n'atambuliranga buli lunaku mu maaso g'oluggya lw'ennyumba ey'abakazi, okumanya Eseza bw'ali, era ky'alibeera.
- 12 Awo oluwalo olwa buli muwala bwe lwajja okuyingira eri kabaka Akaswero, ng'amaze okukolerwa ng'etteeka ery'abakazi bwe liri emyezi kkumi n'ebiri, (kubanga ennaku ez'okulongoosa kwabwe bwe zaatuukiriranga bwe zityo, emyezi mukaaga amafuta ag'omugavu, n'emyezi mukaaga eby'akaloosa n'ebintu eby'okulongoosa abakazi,)
- 13 kale bw'atyo omuwala n'alyoka ajja eri kabaka, kyonna kye yayagala n'akiweebwa

- okugenda naye ng'ava mu nnyumba ey'abakazi ng'agenda mu nnyumba ya kabaka.
- 14 Yagenda akawungeezi n'akomawo enkya mu nnyumba ey'abakazi ey'okubiri mu mukono gwa Saasugazi omulaawe wa kabaka eyakuumanga abazaana: teyayingira nate eri kabaka, wabula nga kabaka amusanyukidde, era ng'ayitiddwa n'erinnya.
 - 15 Awo oluwalo lwa Eseza omuwala wa Abikayiri kitaawe wa Moluddekaayi omuto eyamutwala okuba omwana we bwe lwali lutuuse, okuyingira eri kabaka, teyaliiko kye yeetaaga wabula ebyo Kegayi, omulaawe wa kabaka, omukuumi w'abakazi, bye yalagira. Eseza n'aganja mu maaso g'abo bonna abaamutunuulira.
 - 16 Awo Eseza n'atwalibwa eri kabaka Akaswero mu nnyumba ye eya kabaka mu mwezi ogw'ekkumi, gwe mwezi Tebesi mu mwaka ogw'omusanvu ogw'okufuga kwe.
 - 17 Awo kabaka n'ayagala Eseza okusinga abakazi bonna, n'alaba ekisa n'okuganja mu maaso ge okusinga abawala bonna: n'okuteeka n'ateeka engule ey'obwakabaka ku mutwe gwe n'amufuula kaddulubaale mu kifo kya Vasuti.
 - 18 Awo kabaka n'alyoka afumbira abakungu be bonna n'abaddu be embaga enkulu, embaga ya Eseza; n'awa amasaza okusonyiyibwa, n'agaba ebirabo, ng'obugabi bwa kabaka bwe bwali.
 - 19 Awo abawala bwe baali bakuaanye omulundi ogw'okubiri, awo Moluddekaayi n'atula mu mulyango gwa kabaka.
 - 20 Eseza yali tategeezanga ekika kye bwe kyali newakubadde abantu be; nga Moluddeksayi bwe yamukuutira: kubanga Eseza yakola ekiragiro kya Moluddekaayi nga bwe yakolanga bwe yali ng'akyamulera.
 - 21 Awo mu biro ebyo, Moluddekaayi ng'atudde mu mulyango gwa kabaka, babiri ku balaawe ba kabaka, Bigusani ne Teresi, ku abo abaakuumanga oluggi, ne basunguwala ne bagezaako okukwata kabaka Akaswero.
 - 22 Awo ekigambo ekyo ne kimanyibwa Moluddekaayi n'akibuulira Eseza kaddulubaale; Eseza n'abuulira kabaka mu linnya lya Moluddekaayi.
 - 23 Awo ekigambo ekyo bwe baakikenneenya, ne kirabika nga bwe kyali bwe kityo, bombi ne bawanikibwa ku muti: awo ne kiwandiikibwa mu kitabo eky'ebigambo ebya buli lunaku mu maaso ga kabaka.

Essuula 3

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo kabaka Akaswero n'akuza Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi n'amusukkiriza, n'agulumiza entebe ye okusinga abakungu bonna abali naye.
- 2 Awo abaddu bonna aba kabaka abaali mu mulyango gwa kabaka ne bakutamira Kamani ne bamuvuunamira: kubanga kabaka bwe yali alagidde bw'atyo ebigambo bye. Naye Moluddekaayi teyamukutamira so teyamuvuunamira.
- 3 Awo abaddu ba kabaka abaali mu mulyango gwa kabaka ne bagamba Moluddekaayi nti Kiki ekikusobesa ekiragiro kya kabaka?
- 4 Awo olwatuuka bwe baayogeranga naye buli lunaku naye n'atabawulira, ne babuulira Kamani okulaba ebigambo bya Moluddekaayi oba nga binaanywera: kubanga yali ababuulidde nga Muyudaaya.
- 5 Awo Kamani bwe yalaba nga Moluddekaayi teyakutama so teyamuvuunamira, kale Kamani n'ajjula obusungu.
- 6 Naye n'alaba nga tekugasa okukwata Moluddekaayi yekka; kubanga baali bamutegeezezza abantu ba Moluddekaayi bwe baali: Kamani kyeyava asala amagezi okuzikiriza Abayudaaya bonna abaali mu bwakabaka bwonna obwa Akaswero, abantu ba Moluddekaayi.
- 7 Awo mu mwezi ogw'olubereberye, gwe mwezi Nisani, mu mwaka ogw'ekkumi

n'ebiri ogwa kabaka Akaswero, ne bakuba Puli, bwe bululu, mu maaso ga Kamani buli lunaku era buli mwezi okutuusa ku mwezi ogw'ekkumi n'ebiri, gwe mwezi Adali.

- 8 Awo Kamani n'agamba kabaka Akaswero nti Waliwo abantu abasaasaanye abataataaganye mu mawanga mu masaza gonna ag'obwakabaka bwo; n'amateeka gaabwe tegafaanana mateeka ga ggwanga lyonna; so tebakwata mateeka ga kabaka; kyekiva kirema okugasa kabaka okubaganya.
- 9 Kabaka bw'anaasiima, kiwandiikibwe bazikirizibwe: nange ndisasula ettalanta eza ffeeza kakumi mu mikono gy'abo abateresebbwa okukuuma omulimu (gwa kabaka), okuzireeta mu mawanika ga kabaka.
- 10 Awo kabaka n'aggya empeta ye ku mukono gwe n'agiwa Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi omulabe w'Abayudaaya.
- 11 Awo kabaka n'agamba Kamani nti Effeza eweereddwa gy'oli era n'abantu okubakola nga bw'osiima.
- 12 Awo ne bayita abawandiisi ba kabaka mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku lwagwo olw'ekkumi n'essatu, ne bawandiika nga byonna bwe byali Kamani bye yali alagidde abaamasaza ba kabaka, n'abaami abaafuganga buli ssaza n'abakulu ba buli ggwanga; eri buli ssaza ng'empandiika yaalyo bwe yali, n'eri buli ggwanga ng'olulimi lwabwe bwe lwali: mu linnya lya kabaka Akaswero mwe byawandiikirwa, era byateekebwako akabonero n'empeta ya kabaka.
- 13 Ne baweereza ebbaluwa ne zitwalibwa ababaka mu masaza gonna aga kabaka, okuzikiriza n'okutta n'okumalawo Abayudaaya bonna, abato n'abakadde, abaana abato n'abakazi, ku lunaku lumu, ku lunaku olw'ekkumi n'essatu olw'omwezi ogw'ekkumi n'ebbiri, gwe mwezi Adali, n'okutwala omunyago gwabwe okuba omuyiggo.
- 14 Ebyaggibwa mu kiwandiike ne biraalikibwa eri amawanga gonna, ekiragiro kiran-girirwe mu buli ssaza, balyoke beeteekereteekere olunaku olwo.
- 15 Awo ababaka ne banguwa ne bagenda olw'ekiragiro kya kabaka, etteeka ne libuulirwa mu lubiri lw'e Susani: awo kabaka ne Kamani ne batuula okunywa; naye ekibuga kya Susani ne kibulwa amagezi.

Essuula 4

- 1 Awo Moluddekaayi bwe yategeera byonna ebyakolebwa, Moluddekaayi n'ayuzabwambalo bye n'ayambala ebibukutu n'evvu, n'afuluma n'agenda mu kibuga wakati, n'akaaba n'eddoboozi ddene ery'ennaku nnyingi:
- 2 n'ajja mu maaso g'omulyango gwa kabaka: kubanga tewali eyayinza okuyingira mu mulyango gwa kabaka ng'ayambadde ebibukutu.
- 3 Awo mu buli ssaza ekiragiro kya kabaka n'etteeka lye buli gye byatuukanga ne waba okuwuubaala kungi mu Bayudaaya n'okusiiba n'okukaaba amaziga n'okukuba ebiwoobe; kale bangi abaagalamira nga bambadde ebibukutu n'evvu.
- 4 Awo abawala ba Eseza n'abalaawe be ne bajja ne bamubuulira; kaddulubaale n'anakuwala nnyo: n'aweereza ebyambalo Moluddekaayi by'aba ayambala, n'okumuggyako ebibukutu bye: naye n'atabikkiriza.
- 5 Awo Eseza n'ayita Kasaki omu ku balaawe ba kabaka, gwe yali ataddewo okumuweereza, n'amukuutira okugenda eri Moluddekaayi okumanya ekigambo ekyo bwe kyali n'ensonga yaakyo.
- 6 Awo Kasaki n'afuluma n'agenda eri Moluddekaayi awali ekifo ekigazi eky'ekibuga ekyayolekera omulyango gwa kabaka.
- 7 Awo Moluddekaayi n'amubuulira byonna ebyamubaako, n'ebintu bwe byenkanira ddala Kamani bye yasubiza okusasula mu mawanika ga kabaka olw'Abayudaaya,

okubazikiriza.

- 8 Era n'amuwa n'ebaggibwa mu kiwandiike eky'etteeka eryalaalikibwa mu Susani okubazikiriza okulyolesa Eseza n'okulimubuulira; n'okumukuutira ayingire eri kabaka amwegayirire era asabire abantu be mu maaso ge.
- 9 Awo Kasaki n'ajja n'abuulira Eseza ebigambo bya Moluddekaayi.
- 10 Awo Eseza n'agamba Kasaki n'amuwa ebigambo eby'okutwalira Moluddekaayi, nti
- 11 Abaddu ba kabaka bonna n'abantu ab'omu masaza ga kabaka bamanyi nga buli muntu, oba musajja oba mukazi, anaayingiranga eri kabaka mu luggya olw'omunda atayitiddwa, waliwo etteeka limu eri ye, attibwenga, wabula abo kabaka b'agololera omuggo ogwa zaabu abeere omulamu: naye nze siyitibwanga okuyingira eri kabaka, ennaku ziri amakumi asatu.
- 12 Awo ne babuulira Moluddekaayi ebigambo bya Eseza.
- 13 Awo Moluddekaayi n'abalagira okuddiza Eseza ebigambo nti Tolowoozanga mu mwoyo gwo nga ggwe oghenda okuwona mu nnyumba ya kabaka okusinga Abayudaaya bonna.
- 14 Kubanga bw'onoosirikira ddala mu biro bino, kale okulokoka n'okuwona kuliva awalala eri Abayudaaya, naye ggwe n'ennyumba ya kitaawo balizikirira: era ani amanyi oba nga ozze mu bwakaddulubaale olw'ebiro ebifaanana bwe bityo?
- 15 Awo Eseza n'abalagira okuddiza Moluddekaayi ebigambo nti
- 16 Genda okuaanye Abayudaaya bonna abaliwo mu Susani, munsiiibire, so temulya newakubadde okunywa ennaku ssatu emisana n'ekiro; era nange n'abawala bange tunaasiiba bwe tutyo: bwe ntyo bwe ndiyingira eri kabaka, ekitali kya mu mateeka: era bwe ndizikirira, ndizikirira.
- 17 Awo Moluddekaayi n'addayo n'akola nga byonna bwe byali Eseza by'amulagidde.

Essuula 5

- 1 Awo olwatuuka ku lunaku olw'okusatu Eseza n'ayambala ebyambalo bye ebya kaddulubaale, n'ayimirira mu luggya olw'omunda olw'ennyumba ya kabaka, okwolekera ennyumba ya kabaka: kabaka n'atuula ku ntebe ye ey'obwakabaka mu nnyumba ya kabaka okwolekera omulyango gw'ennyumba.
- 2 Awo olwatuuka kabaka bwe yalaba Eseza kaddulubaale ng'ayimiridde mu luggya, kale n'aganja mu maaso ge: kabaka n'agololera Eseza omuggo ogwa zaabu ogwali mu mukono gwe. Awo Eseza n'asembera n'akoma ku musa gw'omuggo.
- 3 Awo kabaka n'alyoka amugamba nti Oyagala ki, kaddulubaale Eseza? era kiruwa kye weegayirira? onookiweebwa ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka.
- 4 Awo Eseza n'ayogera nti Kabaka bw'anaasiima, kabaka ne Kamani bajje leero eri embaga gye mmufumbidde.
- 5 Awo kabaka n'ayogera nti Mwanguye Kamani kikolebwe nga Eseza bw'ayogedde. Awo kabaka ne Kamani ne bajja eri embaga Eseza gye yali afumbye.
- 6 Awo kabaka n'agamba Eseza nga batudde ku mbaga ey'omwenge nti Osaba ki? era kinaakukolerwa; era weegayirira ki? kinaatuukirizibwa ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka.
- 7 Awo Eseza n'addamu n'ayogera nti Kye nsaba era kye nneegayirira kye kino;
- 8 oba nga anze mu maaso ga kabaka, era kabaka bw'anaasiima okumpa kye nsaba, n'okutuukiriza kye nneegayirira, kabaka ne Kamani bajje eri embaga gye ndibafumbira, era enkya ndikola nga kabaka bw'agambye.
- 9 Awo Kamani n'afuluma ku lunaku olwo ng'asanyuse era ng'ajaguzizza mu mwoyo: naye Kamani bwe yalaba Moluddekaayi mu mulyango gwa kabaka, nga tayimirira so nga tamusegulira, n'ajjula obusungu eri Moluddekaayi.

- 10 Era naye Kamani n'azibiikiriza n'addayo eka; n'atuma n'aleeta mikwano gye ne Zeresi mukazi we.
- 11 Awo Kamani n'ababuulira ekitiibwa ky'obugagga bwe, n'abaana be bwe benkana obungi, n'ebigambo byonna kabaka mwe yamukuliza, era bwe yamukuza okusinga abakungu ba kabaka n'abaddu be.
- 12 Era Kamani n'ayogera nti Weewaawo, Eseza kaddulubaale teyaganya muntu yenna kuyingira wamu ne kabaka eri embaga gye yali afumbye wabula nze; era n'enkyā ampise wamu ne kabaka.
- 13 Naye ebyo byonna tebiriiko kye bingasa nga nkyalaba Moluddekaayi Omuyudaaya ng'atuula ku mulyango gwa kabaka.
- 14 Awo Zeresi mukazi we ne mikwano gye bonna ne bamugamba nti Basimbe ekitindiro obuwanvu bwakyo emikono amakumi ataano, enkyā oyogere ne kabaka okuwanika Moluddekaayi okwo: kale olyoke oyingire ne kabaka eri embaga ng'osanyuka Ekigambo ekyo ne kisanyusa Kamani; n'asimbya ekitindiro.

Essuula 6

- 1 Awo mu kiro ekyo kabaka n'atayinza kwebaka; n'alagira okuleeta ekitabo ekijjukiza eky'ebigambo ebya buli lunaku, ne babisomera mu maaso ga kabaka.
- 2 Awo ne basanga nga kiwandiikiddwa nga Moluddekaayi yabuulira ebigambo bya Bigusani ne Teresi, babiri ku balaawe ba kabaka ku abo abaakuumanga oluggi, abaagezaako okukwata kabaka Akaswero.
- 3 Awo kabaka n'ayogera nti Kitiibwa ki na bukulu ki Moluddekaayi bye yaweebwa olw'ekyo? Awo abaddu ba kabaka abaamuweerezanga ne boogera nti Tewali kintu kyaweereddwa.
- 4 Awo kabaka n'ayogera nti Ani ali mu luggya? Kale Kamani yali atuuse mu luggya olw'ebweru olw'oku nnyumba ya labaka, okwogera ne kabaka okuwanika Moluddekaayi ku kitindiro kye yali amusimbidde.
- 5 Awo abaddu ba kabaka ne bamugamba nti Laba, Kamani ayimiridde mu luggya. Kabaka n'ayogera nti Ayingire.
- 6 Awo Kamani n'ayingira Kabaka n'amugamba nti Omusajja kabaka gw'asanyukira okumussaamu ekitiibwa anaakolebwa ki? Awo Kamani n'ayogera mu mutima gwe nti Ani kabaka gwe yandisanyukidde okumussaamu ekitiibwa okukira nze?
- 7 Awo Kamani n'agamba kabaka nti Omusajja kabaka gw'asanyukira okumussaamu ekitiibwa,
- 8 baleete ebyambalo bya kabaka, kabaka by'ayambala, n'embalaasi kabaka gye yeebagala eri etikirwako ku mutwe engule ey'obwakabaka;
- 9 bawe ebyambalo n'embalaasi mu mukono gw'omu ku bakungu ba kabaka abasinga ekitiibwa, bambaze n'ebyo omusajja kabaka gw'asanyukira okumussaamu ekitiibwa, era bamwebagaze embalaasi okuyita mu luguudo olw'ekibuga, era balangirire mu maaso ge nti Bw'atyo bw'anaakolebwa omusajja kabaka gw'asanyukira okumussaamu ekitiibwa.
- 10 Awo kabaka n'agamba Kamani nti Yanguwa oddire ebyambalo n'embalaasi nga bw'oyogedde, okolere ddala bw'otyo Moluddekaayi Omuyudaaya atuula ku mulyango gwa kabaka: waleme okubulako n'ekimu ku ebyo byonna by'oyogedde.
- 11 Awo Kamani n'addirā ebyambalo n'embalaasi, n'ayambaza Moluddekaayi, n'amwambaza okuyita mu luguudo olw'ekibuga, n'alangirira mu maaso ge nti Bw'atyo bw'anaakolebwa omusajja kabaka gw'asanyukira okumussaamu ekitiibwa.
- 12 Awo Moluddekaayi n'akomawo eri omulyango gwa kabaka. Naye Kamani n'ayangwa n'agenda ewuwe, ng'anakuwadde era ng'abisse ku mutwe gwe.

- 13 Awo Kamani n'abuulira Zeresi mukazi we ne mikwano gye bonna byonna ebyamubaddeko. Awo abasajja be abagezi ne Zeresi mukazi we ne bamugamba nti Moluddekaayi gw'otanulidde okugwa mu maaso ge, oba nga wa ku zzadde lya Bayudaaya, tojja kumusinga, naye tolirema kugwa mu maaso ge.
- 14 Awo bwe baali nga bakyayogera naye, abalaawe ba kabaka ne bajja, ne banguwa okuleeta Kamani eri embaga Eseza gye yali afumbye.

Essuula 7

- 1 Awo kabaka ne Kamani ne bajja eri embaga wamu ne Eseza kaddulubaale.
- 2 Awo kabaka n'agamba nate Eseza ku lunaku olw'okubiri nga batudde ku mbaga ey'omwenge nti Kiki ky'osaba, kaddulubaale Eseza, era onookiweebwa: era kiki kye weegayirira? ne bwe kinaaba ekitundu ky'obwakabaka kinaatuukirizibwa.
- 3 Awo Eseza kaddulubaale n'addamu n'ayogera nti Oba nga anze mu maaso go, ai kabaka, era kabaka bw'anaasiima, mpeebwe obulamu bwange olw'okusaba kwange, n'abantu bange olw'okwegayirira kwange:
- 4 kubanga tutundiddwa, nze n'abantu bange okuzikirizibwa, okuttibwa n'okubula. Naye singa tutundiddwa okuba abaddu n'abazaana, nandisirise, newakubadde ng'omulabe teyandiyinzizza kuliwa kabaka bye yandifiiriddwa.
- 5 Awo kabaka Akaswero n'alyoka ayogera n'agamba Eseza kaddulubaale nti Ani era ali ludda wa ayaanga okugezaako mu mutima gwe okukola bw'atyo?
- 6 Awo Eseza n'ayogera nti Omulabe era, atukyawa, Kamani ono omubi. Awo Kamani n'atya mu maaso ga kabaka ne kaddulubaale.
- 7 Awo kabaka n'agolokoka ng'aliko ekiruyi n'ava ku mbaga ey'omwenge n'ayingira mu lusuku olw'omu lubiri: Kamani n'ayimirira okusaba obulamu bwe eri Eseza kaddulubaale; kubanga yalaba obubi kabaka bw'amuteeserezza.
- 8 Awo kabaka n'akomawo ng'ava mu lusuku olw'omu lubiri n'ayingira mu kifo eky'embaga ey'omwenge; kale Kamani ng'agudde ku kitanda Eseza kwe yali. Awo kabaka n'ayogera nti N'okukwata anaakwatira kaddulubaale mu maaso gange mu nnyumba? Ekigambo nga kiva mu kamwa ka kabaka, ne babikka ku maaso ga Kamani.
- 9 Awo Kalubona, omu ku balasawe abaali mu maaso ga kabaka, n'ayogera nti Era, laba, ekitindiro, obuwanvu bwakyo emikono amakumi ataano Kamani kyakoledde Moluddekaayi, eyayogera olwa kabaka ebirungi, kiyimiridde mu nnyumba ya Kamani. Kabaka n'ayogera nti Mumuwanike okwo.
- 10 Awo ne bawanika Kamani ku kitindiro kye yali asimbidde Moluddekaayi. Awo obusungu bwa kabaka ne bukkakkana.

Essuula 8

- 1 Awo ku lunaku olwo kabaka Akaswero n'awa Eseza kaddulubaale ennyumba ya Kamani omulabe w'Abayudaaya. Awo Moluddekaayi n'ajja mu maaso ga kabaka; kubanga Eseza yali amubuulidde bwe yamuli.
- 2 Awo kabaka n'anaanuula empeta ye gy'aggye ku Kamani n'agiwa Moluddekaayi. Awo Eseza n'ateeka Moluddekaayi okuba omukulu w'ennyumba ya Kamani.
- 3 Awo Eseza n'ayogera nate olw'okubiri mu maaso ga kabaka, n'avuunama awali ebigere bye n'amwegayirira ng'akaaba amaziga okuggyawo obubi bwa Kamani Omwagaagi n'olukwe lwe lwe yali asalidde Abayudaaya.
- 4 Awo kabaka n'agololera Eseza omuggo ogwa zaabu. Awo Eseza n'agolokoka n'ayimirira mu maaso ga kabaka.

- 5 N'ayogera nti Kabaka bw'anaasiima, era oba nga anze mu manso ge, n'ekigambo ekyo bwe kinaafaanana eky'ensonga mu maaso ga kabaka, nange oba nga mmu-sanyusa, bawandiike okujjulula ebbaluwa Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi ze yateesa, ze yawandiika okuzikiriza Abayudaaya abali mu masaza gonna aga kabaka:
- 6 kubanga nnyinza ntya okugumiikiriza okutunuulira obubi obulijja ku bantu bange? oba nnyinza ntya okugumiikiriza, okutunuulira baganda bange nga babazikiriza?
- 7 Awo kabaka Akaswero n'agamba Eseza kaddulubaale ne Moluddekaayi Omuyudaaya nti Laba, mpadde Eseza ennyumba ya Kamani, naye bamuwanise ku kitindiro, kubanga yateeka omukono gwe ku Bayudaaya.
- 8 Era muwandiikire n'Abayudaaya, nga bwe musiiima, mu linnya lya kabaka, mugis-seeko akabonero n'empeta ya kabaka kubanga ekiwandiike ekiwandiikiddwa mu linnya lya kabaka era ekiteekeddwako akabonero n'empeta ya kabaka, tewali muntu ayinza okukijjulula.
- 9 Awo mu biro ebyo ne bayita abawandiisi ba kabaka mu mwezi ogw'okusatu, gwe mwezi Sivaani, ku lunaku lwagwo olw'amakumi abiri mu ssatu; era byonna ne biwandiikibwa Moluddekaayi bye yalagira eri Abayudaaya n'eri abaamasaza, n'abaami abaafuganga n'abakulu b'amasaza abaaliwo okuva e Buyindi okutuusa ku Buwesiopya, amasaza kikumi mu abiri mu musanvu, eri buli ssaza ng'empandiika yaalyo bwe yali, n'eri buli ggwanga ng'olulimi lwabwe bwe lwali, n'eri Abayudaaya ng'empandiika yaabwe bwe yali era ng'olulimi lwabwe bwe lwali.
- 10 Era n'awandiika mu linnya lya kabaka Akaswero n'agissaako akabonero n'empeta ya kabaka n'aweereza ebbaluwa ezitwalibwa ababaka abeebagala embalaasi, abeebagadde ebisolo eby'embiro ebyakolanga omulimu gwa kabaka, ebyazaalibwa mu bisibo bya kabaka:
- 11 era mu ezo kabaka n'alagira Abayudaaya abaali mu buli kibuga okukuaana n'okwesi-bira obulamu bwabwe okuzikiriza, okutta, n'okumalawo obuyinza bwonna obw'abantu n'essaza abaagala okubalumba, abaana baabwe abato ne bakazi baabwe, n'okutwala omunyago gwabwe okuba omuyiggo,
- 12 ku lunaku lumu mu masaza gonna aga kabaka Akaswero, ku lunaku olw'ekkumi n'essatu olw'omwezi ogw'ekkumi n'ebiri, gwe mwezi Adali.
- 13 Awo ne balaalika amawanga gonna ebyaggibwa ku kiwandiike, ekiragiro kirangirirwe mu buli ssaza, era Abayudaaya babe nga beeteekeddeteekedde olunaku olwo okuwalana eggwanga ku balabe baabwe.
- 14 Awo ababaka abeebagala ebisolo eby'embiro ebyakolanga omulimu gwa kabaka ne bagenda, ekiragiro kya kabaka nga kibakubiriza era nga kibanguya; awo ekiragiro ne kirangirirwa mu lubiri lw'e Susani.
- 15 Awo Moluddekaayi n'afuluma mu maaso ga kabaka ng'ayambadde ebyambalo bya kabaka ebya kaniki n'ebyeru, era ng'atikkidde engule ennene eya zaabu, era ng'ayambadde omunagirowa bafuta ennungi n'olugoye olw'effulungu: awo ekibuga Susani ne kyogerera waggulu ne kisanyuka.
- 16 Awo Abayudaaya ne baba n'omusana n'essanyu, n'okujaguza n'ekitiibwa.
- 17 Awo mu buli ssaza ne mu buli kibuga, ekiragiro kya kabaka n'etteeka lye buli gye byatuukanga, Abayudaaya ne baba n'essanyu n'okujaguza, embaga n'olunaku olulungi. Kale bangi ab'omu mawanga ag'omu nsi ne bafuuka Abayudaaya; kubanga entiisa ey'Abayudaaya yali ebaguddeko.

Essuula 9

- 1 Awo mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri, gwe mwezi Adali, ku lunaku lwagwo

- olw'ekkumi n'essatu, ekiragiwo kya kabaka n'etteeka lye bwe byali binaatera okutuukirizibwa, ku lunaku abalabe b'Abayudaaya kwe baasuubirira okubafuga; naye ne kikyuka okubeevuunulira, Abayudaaya ne bafuga abo abaabakyawa;
- 2 awo Abayudaaya ne bakuaana mu bibuga byabwe okubuna amasaza gonna aga kabaka Akaswero, okukwata abo abaali baagala okubakola obubi: so tewaali muntu eyayinza okubaziya; kubanga entiisa yaabwe yali egudde ku mawanga gonna.
 - 3 Awo abalangira bonna abaamasaza n'abasigire n'abaami abaafuganga n'abo abaakolanga omulimu gwa kabaka ne bayamba Abayudaaya; kubanga entiisa ya Moluddekaayi ng'ebaguddeko.
 - 4 Kubanga Moluddekaayi yali mukulu mu nnyumba ya kabaka, n'ettutumu lye ne lyatiikirira okubuna amasaza gonna: kubanga omusajja oyo Moluddekaayi yeeyonger-ayongeranga.
 - 5 Awo Abayudaaya ne batta abalabe baabwe bonna nga babakuba n'ekitala, nga babazikiriza nga babamalawo, ne bakola nga bwe baayagala abo abaabakyawa.
 - 6 Ne mu lubiri lw'e Susani Abayudaaya ne batta ne bazikiriza abasajja ebikumi bitaano.
 - 7 Awo Palusandasa ne Dalufoni ne Asupasa
 - 8 ne Polasa ne Adaliya ne Alidasa
 - 9 ne Palumasuta ne Alisayi ne Alidayi ne Vaizasa,
 - 10 batabani ba Kamani ekkumi mutabani wa Kammedasa omulabe w'Abayudaaya ne babatta; naye ne batassaako mukono gwabwe ku munyago.
 - 11 Ku lunaku olwo omuwendo gw'abo abattirwa mu lubiri lw'e Susani ne guleetebwa mu maaso ga kabaka.
 - 12 Awo kabaka n'agamba Eseza kaddulubaale nti Abayudaaya basse bazikirizza abasajja ebikumi bitaano mu lubiri w'e Susani ne batabani ba Kamani ekkumi; kale kye bakoze mu masaza amalala aga kabaka kyenkana wa! Kiki nno ky'osaba? era onookiweebwa: oba kiki kye weegayirira nate? era kinaakolebwa.
 - 13 Awo Eseza n'ayogera nti Kabaka bw'anaasiima, Abayudaaya abali mu Susani baweewe okukola n'enkywa ng'ekiragiwo ekya leero bwe kibadde, era batabani ba Kamani ekkumi bawanikibwe ku kitindiro.
 - 14 Awo kabaka n'alagira bakole bwe batyo: kale ne balangirira etteeka mu Susani; ne bawanika batabani ba Kamani ekkumi.
 - 15 Awo Abayudaaya abaali mu Susani ne bakuaanira ne ku lunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi Adali, ne batta abasajja ebikumi bisatu mu Susani; naye ne batassaako mukono gwabwe ku munyago.
 - 16 Awo Abayudaaya abalala abaali mu masaza ga kabaka ne bakuaana ne beesibira obulamu bwabwe, ne baba n'okuwummula eri abalabe baabwe, ne batta ku bo abaabakyawa obukumi musanvu mu enkumi ttaano; naye ne batassaako mukono gwabwe ku munyago.
 - 17 Ebyo byabaawo ku lunaku lw'ekkumi n'essatu olw'omwezi Adali; ne ku lunaku lwagwo olw'ekkumi n'ennya ne bawummula; ne balufuula olunaku olw'okuliirako embaga n'olw'okusanyukirako.
 - 18 Naye Abayudaaya abaali mu Susani ne bakuaanira ku lunaku lwagwo olw'ekkumi n'essatu ne ku lunaku lwagwo olw'ekkumi n'ennya; ne ku lunaku lwagwo w'ekkumi n'ettaano ne bawummula ne balufuula olunaku olw'okuliirako embaga n'olw'okusanyukirako.
 - 19 Abayudaaya ab'omu byalo abaabeeranga mu bibuga ebitaliiko bbugwe kyebaava bafuula olunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi Adali olunaku olw'okusanyukirako n'okuliirako embaga era olunaku olulungi era olw'okuweerezaganirako emigabo.
 - 20 Awo Moluddekaayi n'awandiika ebyo, n'aweereza ebbaluwa Abayudaaya bonna abaali mu masaza gonna aga kabaka Akaswero, ab'okumpi n'ab'ewala,

- 21 okubalagira okukwatanga olunaku olw'ekkumi n'ennya olw'omwezi Adali, n'olunaku lwagwo olw'ekkumi n'ettaano, buli mwaka,
- 22 nga ze mnaku Abayudaaya kwe baafunira okuwummula eri abalabe baabwe, n'omwezi ogwabafuukira ogw'essanyu okuva mu buyinike, era olunaku olulungi okuva mu kunakuwala: bazifuulenga ennaku ez'okuliirangako embaga n'ez'okusanyukirangako n'ez'okuweerezaganirangako emigabo n'ez'okuweerezangako abaavu ebirabo.
- 23 Awo Abayudaaya ne basuubiza okukolanga nga bwe baatanula, era nga Moluddekaayi bwe yabawandiikira;
- 24 kubanga Kamani mutabani wa Kammedasa Omwagaagi omulabe w'Abayudaaya bonna yali ateesezza eri Abayudaaya okubazikiriza, era yali akubye Puli, bwe bululu, okubamalawo n'okubazikiriza;
- 25 naye ekigambo bwe kyatuuka mu maaso ga kabaka n'alagiririra mu bbaluwa olukwe lwe olubi lwe yali asalidde Abayudaaya ludde ku mutwe gwe ye; era ye ne batabani be bawanikibwe ku kitindiro.
- 26 Ennaku ezo kyebaava baziyata Pulimu ng'erinnya lya Puli bwe liri. Awo olw'ebigambo byonna eby'omu bbaluwa eno n'olw'ebyo bye baalaba mu kigambo ekyo n'ekyo ekyababaako,
- 27 Abayudaaya kyebaava balagira ne basuubiza ne basuubiriza ezzadde lyabwe n'abo bonna abaneegattanga nabo, kireme okuggwaawo, okukwatanga ennaku ezo zombi ng'ekiwandiike kyazo bwe kyali era ng'ebiro byazo bwe byali ebyateekebwawo buli mwaka;
- 28 era okujjukiranga n'okukwatanga ennaku ezo okubuna emirembe gyonna, na buli kika, na buli ssaza na buli kibuga; era ennaku zino eza Pulimu zireme okuggwaawo mu Buyudaaya, newakubadde ekijjukizo kyazo kireme okubula eri ezzadde lyabwe.
- 29 Awo Eseza kaddulubaale muwala wa Abikayiri ne Moluddekaayi Omuyudaaya ne bawandiika n'obuyinza bwonna okunyweza ebbaluwa eyo ey'okubiri eya Pulimu.
- 30 N'aweereza Abayudaaya bonna ebbaluwa, mu masaza ekikumi mu amakumi abiri mu musanvu ag'obwakabaka bwa Akaswero, nga zirimu ebigambo eby'emirembe n'amazima,
- 31 okunyweza ennaku ezo eza Pulimu mu biro byazo ebyateekebwawo, nga Moluddekaayi Omuyudaaya ne Eseza kaddulubaale bwe baabalagira, era nga bwe beeteekera bo bennyini n'ezzadde lyabwe mu bigambo eby'okusiiba n'okukaaba kwabwe.
- 32 Awo ekiragiro kya Eseza ne kinyweza ebigambo ebyo ebya Pulimu; ne kiwandiikibwa mu kitabo.

Essuula 10

- 1 Awo kabaka Akaswero n'asalira ensi omusolo, n'ebizinga eby'omu nnyanja.
- 2 Era ebikolwa byonna eby'obuyinza bwe n'amaanyi ge n'okutegeereza ddala obukulu bwa Moluddekaayi bwe bwenkana, kabaka bwe yamukuza, tebyawandiikibwa mu kitabo eky'ebyomumirembe gya bassekabaka b'e Bumeedi n'e Buperusi?
- 3 Kubanga Moluddekaayi Omuyudaaya yaddirira kabaka Akaswero, era yali mukulu mu Bayudaaya, era yakkirizibwa ekibiina kya baganda be; ng'ayagala okukola abantu be obulungi, era ng'abuulira ezzadde lye lyonna emirembe.

Yobu

Essuula 1

- 1 Waaliwo omusajja mu nsi Uzzi, erinnya lye Yobu; era omusajja oyo yatuukirira era nga wa mazima, era ng'atya Katonda ne yeewalanga obubi.
- 2 N'azaalirwa abaana ab'obulenzi musanvu n'ab'obuwala basatu.
- 3 Era ebintu bye byali endiga kasanvu n'eamira enkumi ssatu n'emigogo gy'ente ebikumi bitaano n'endogoyi enkazi ebikumi bitaano n'abaddu bangi nnyo nnyini; omusajja oyo n'aba mukulu okusinga abaana bonna ab'ebuvanjuba.
- 4 Batabani be ne bagendanga ne bafumba embaga mu nnyumlia ya buli muntu ku lunaku lwe; ne batumanga ne bayitanga bannyinaabwe abasatu okulya n'okunywa nabo.
- 5 Awo olwatuuka ennaku z'embaga yaabwe bwe zaayitawo, Yobu n'atumanga n'abatukuzanga n'agolokokanga enkya mu makya, n'awangayo ebiweebwayo ebyokebwa ng'omuwendo gwabwe bonna bwe gwali: kubanga Yobu yayogera nti Mpozzi batabani bange boonoonye, ne beegaana Katonda mu mitima gyabwe. Bw'atyo Yobu bwe yakolanga olutata.
- 6 Awo olunaku lwali lumu abaana ba Katonda ne bajja okukiika mu maaso ga Mukama, ne Setaani naye n'ajjira mu bo.
- 7 Mukama n'agamba Setaani nti Ova wa? Awo, Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Nva kuddiana mu nsi n'okutambulambula omwo eruuyi n'eruuyi.
- 8 Mukama n'agamba Setaani nti Olowoozezza ku muddu wange Yobu? kubanga tewali amufaanana mu nsi, omusajja eyatuukirira era ow'amazima, atya Katonda ne yeewala obubi:
- 9 Awo Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Yobu atiira bwereere Katonda?
- 10 Tomukomedde lukomera okumwetooloola ye n'ennyumba ye ne byonna by'alina, enjuyi zonna? owadde omukisa omulimu gw'engalo ze, n'ebintu bye byaze mu nsi:
- 11 Naye kaakano golola omukono gwo okome ku byonna by'alina, kale alikwegaanira mu maaso go.
- 12 Mukama n'agamba Setaani nti Laba, byonna by'alina biri mu mukono gwo; kyokka ku ye yennyini togolola mukono gwo, Awo Setaani n'ava awali Mukama.
- 13 Awo olunaku lwali lumu batabani be ne bawala be bwe, baali nga baliira era nga banywera omwenge mu nnyumba ya muganda waabwe omukulu,
- 14 omubaka n'ajja, eri Yobu n'ayogera nti Ente zibadde nga zirima, n'endogoyi nga ziziriraanye nga zirya;
- 15 Abaseba ne bazigwako ne bazitwala; weewaawo, basse abaddu n'obwogi bw'ekitala; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.
- 16 Yali ng'akyayogera, omulala n'ajja naye n'ayogera nti omuliro gwa Katonda gugudde nga guva mu ggulu, era gwokezza endiga n'abaddu ne gubazikiriza; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.
- 17 Yali ng'akyayogera, omulala n'ajja naye n'ayogera nti Abakaludaaya beefudde ebibi-ina bisatu, ne bagwa ku amira, era bazitutte, weewaawo, era basse abaddu n'obwogi bw'ekitala; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira:
- 18 Yali ng'akyayogera, omulala n'ajja naye n'ayogera nti Batabani bo ne bawala bo baali nga baliira era nga banywera omwenge mu nnyumba ya muganda waabwe omukulu:
- 19 kale, laba, embuyaga nnyingi ne zijja nga ziva mu ddungu, ne zikuba ensonda ennya ez'ennyumba, n'egwa ku balenzi, era bafudde; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira:
- 20 Awo Yobu n'agolokoka n'ayuza omunagirowe n'amwa omutwe n'avuunama ku

ttaka n'asinza;

- 21 n'ayogera nti Nava mu lubuto lwa mmange nga ndi mwereere, era ndiddayo nga ndi mwereere: Mukama ye yawa, era Mukama ye aggyawo; erinnya lya Mukama lyebaz-ibwe.
- 22 Mu ebyo byonna Yobu teyayoonanga, so teyavuma Katonda busirusiru.

Essuula 2

- 1 Awo nate olunaku lwali lumu abaana ba Katonda ne bajja okukiika mu maaso ga Mukama, ne Setaani naye n'ajjira mu bo okukiika mu maaso ga Mukama.
- 2 Mukama n'agamba Setaani nti Ova wa? Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Nva kuddiana mu nsi n'okutambulambula omwo wano ne wali.
- 3 Mukama n'agamba Setaani nti Olowoozezza ku muddu wange Yobu? kubanga tewali mu nsi amufaanana, omusajja eyatuukirira era ow'amazima, atya Katonda ne yeewala obubi: era akyanywezezza obutayoonona bwe, newakubadde nga wasaakiriza gy'ali, okumuzikiririza obwereere.
- 4 Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Eddiba olw'eddiba, weewaawo, byonna omuntu by'alina alibiwaayo olw'obulamu bwe.
- 5 Naye kaakano golola omukono gwo, okome ku magumba ge ne ku mubiri gwe, era alikwegaanira mu maaso go.
- 6 Mukama n'agamba Setaani nti Laba, ali mu mukono gwo; kyokka mulekere obulamu bwe.
- 7 Awo Setaani n'ava awali Mukama, n'alwaza Yobu amayute amazibu okuva ku bigere bye munda okutuuka ku bwezinge bwe.
- 8 N'addiranga olugyo okweyaguza; n'atuulanga mu vvu.
- 9 Awo mukazi we n'amugamba nti Okyanyweza obutayoonona bwo? weegaane Katonda ofe.
- 10 Naye n'amugamba nti Oyogera ng'omu ku bakazi abasirusiru bwe boogera. Owa! Tunaaweebwanga ebirungi mu mukono gwa Katonda ne tutaweebwa bibi? mu ebyo byonna Yobu teyayoonona na mimwa gye.
- 11 Awo mikwano gya Yobu abasatu bwe baawulira obubi buno bwonna obumujjidde, ne bajja buli muntu ng'ava mu kifo kye ye; Erifaazi Omutemani, ne Birudaadi Omusuki, ne Zofali Omunaamasi: ne balagaana wamu okujja okumukaabirako n'okumukubagiza.
- 12 Awo bwe baayimusa amaaso gaabwe, nga bakyalu wala ne batamumanya ne bayimusa eddoozi lyabwe ne bakaaba; ne bayuza buli muntu omunagiwo gwe, ne bafuumulira enfuufu ku mitwe gyabwe eri ggulu.
- 13 Awo ne batuula wamu naye ku ttaka ne bamala ennaku musanvu emisana n'ekiro, ne wataba amugamba kigambo: kubanga baalaba ennaku ze nga nnyingi nnyo.

Essuula 3

- 1 Awo Yobu n'alyoka ayasama akamwa n'akolimira olunaku lwe:
- 2 Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 3 Olunaku lukolimirwe kwe nnazaalirwa, N'ekiro ekyayogera nti Omwana ow'obulenzi ali mu lubuto.
- 4 Olunaku olwo lube ekizikiza; Katonda aleme okulutunuulira ng'ayima waggulu, So n'omusana guleme okulwakira.
- 5 Ekizikiza n'ekisiikirize eky'okufa biruyite olw'abyo; Ekire kirutuuleko: Byonna ebiddugaza obudde birutiise.

- 6 Ekiro ekyo ekizikiza ekikutte kikinyage: So luleme okusanyukira mu nnaku ez'omu mwaka; Luleme okutuuka mu muwendo gw'emyezi.
- 7 Laba, ekiro ekyo kibe kigumba; Luleme okujjirwa eddoboosi ery'essanyu.
- 8 Abo balukolimire abakolimira obudde, Abeeteeseteese okusaggula goonya.
- 9 Emmunyeenye ez'ekiro kyalwo zibeeko ekizikiza: Lunoonye omusana, naye lugubulwe; So terutunuulira bikowe bya nkya:
- 10 Kubanga terwaggala nzigi za lubuto lwa mmange. So terwakisa maaso gange obuyinike.
- 11 Kiki ekyandobera okufa okuva mu lubuto? Kiki ekyandobera okuta obulamu bwe nnava mu byenda?
- 12 Amaviivi ganzikiririza ki? Oba amabeere, okugayonka?
- 13 Kubanga kaakano nandigalamidde ne nsirika; Nandyebase; bwe ntyo bwe nnandi-wummudde:
- 14 Wamu ne bassekabaka n'abakungu b'ensi, Abeezimbira mu matongo;
- 15 Oba wamu n'abalangira abaalina ezaabu, Abajjuzanga ennyumba zaabwe effeeza:
- 16 Oba ng'omwana omusowole akwekebwa sandibaddewo; Ng'abaana abawere abatalabanga ku musana n'akatono.
- 17 Eyo ababi bakoma okuteganya; Era eyo abakoowu gye bawummulira.
- 18 Eyo abasibe gye bessiza awamu; Tebawulira ddoosizi lya mukoza.
- 19 Omuto n'omukulu bali eyo; N'omuddu aba wa ddembe eri mukama we.
- 20 Alaba obuyinike aweerwa ki omusana? N'obulamu abuweerwa ki oyo alumiddwa omwoyo;
- 21 Abeegomba okufa, naye ne kutajja; Ne bakusima okusinga obugagga obukwekeddwa;
- 22 Abasanyuka ennyo nnyini, Ne bajaguza, bwe bayinza okulaba entaana?
- 23 Omuntu akwekeddwa ekkubo lye aweerwa ki omusana, Era Katonda gw'akomedde olukomera?
- 24 Kubanga okusinda kwange kujja nga sinnalya, N'okuwuluguma kwange kufukibwa ng'amazzi.
- 25 Kubanga kye ntidde kinjijako, N'ekyo kye nkankanira kijja gye ndi.
- 26 Sessa so sitereera so siwummula; Naye ennaku zijja.

Essuula 4

- 1 Awo Erifaazi Omutemani n'addamu n'ayogera nti
- 2 Omuntu bw'anaagezaako okwogera naawe, onoonyiiga? Naye ani ayinza okuzibiikiriza obutayogera?
- 3 Laba, wayigirizanga bangi, Era wanywezanga emikono eminafu.
- 4 Ebigambo byo byamuwaniriranga oyo eyali agudde, Era wawanga amaanyi amaviivi agaddirira.
- 5 Naye kaakano kituuse gy'oli n'ozirika; Kikukomako ne weeraliikirira.
- 6 Okutya kwo Katonda si bwe bwesige bwo, N'amakubo go amagolokofu si kwe kusubira kwo?
- 7 Nkwegayiridde, jjukira, ani eyali abuze nga taliiko musango? Oba abatuukirivu baali bamaliddwawo wa?
- 8 Nga bwe nnalaba, abo abakabala obujeemu, Ne basiga obuyinike, era bye bakungula.
- 9 Bazikirira olw'omukka gwa Katonda, Era bamalibwawo olw'okuwuma kw'obusungu bwe.
- 10 Okuwuluguma kw'empologoma n'eddoboosi ly'empologoma enkambwe, N'amanyo g'empologoma ento gamenyeka.
- 11 Empologoma enkulu efa omuyiggo nga gugibuze, N'abaana b'empologoma ne

basaasaana.

- 12 Kale ekigambo kyandeeterwa kyama, N'okutu kwange ne kutoola okuwuma kwakyo.
- 13 Mu kulowooza okuva mu kwolesebwa okw'ekiro, Otulo otungi bwe tukwata abantu.
- 14 Entiisa n'enkwata n'okukankana, Amagumba gange gonna n'okunyegenya ne ganyegenya.
- 15 Awo omwoyo ne guyita ku maaso gange; Enviiri ez'omubiri gwange ne zinva ku mutwe.
- 16 Gwayimirira buyimirizi, naye ne siyinja kwetegereza bwe gufaanana; Ekifaananyi kyali mu maaso gange: Waaliwo okusirika, ne mpulira eddoozi eryogera nti
- 17 Omuntu afa alisinga Katonda obutuukirivu? Omuntu aliba mulongoofu okukira eya-mukola?
- 18 Laba, teyeesiga baddu be; Ne bamalayika be abalanga obusirusiru:
- 19 T'alisinga nnyo kubanga abo abasula mu nnyumba ez'ettala, Omusingi gwabwe guli mu nfuufu, Ababetentebwa okusooka ekiwojjolo!
- 20 Bazikiririra mu kiseera ekiri wakati w'enkyia n'akawungeezi: Babula emirembe gyonna nga tewali akissaako mwoyo.
- 21 Omugwa gwabwe ogw'eweema tegusimbulwa munda yaabwe? Bafa, era awatali magezi.

Essuula 5

- 1 Koowoola nno; waliwo anaakuyitaba? Era ani ku batukuvu gw'onookyukira?
- 2 Kubanga okweralirira kutta omusirusiru, Nobuggya butta atalina magezi.
- 3 Nalaba omusirusiru ng'asimba emmizi: Naye amangu ago ne nkolimira ekifo ky'abeeramu.
- 4 Abaana be baba wala n'emirembe, Era babetentebwa mu mulyango, So tewali wa kubawonya.
- 5 Omwaka gwabwe omuyala agulya, N'aguggya ne mu maggwa, N'omutego guwanki-rawankira ebintu byabwe.
- 6 Kubanga okulaba ennaku tekuba mu nfuufu, So n'obuyinike tebuva mu ttaka;
- 7 Naye abantu bazaalirwa obuyinike, Ng'ensasi bwe zibuuka waggulu.
- 8 Naye nze, njagala okunoonya Katonda, Era njagala okulekera Katonda ensonga yange:
- 9 Akola ebikulu ebitanoonyezeka; Eby'ekitalo ebitabalika:
- 10 Atonnyesa enkuba ku nsi, N'asindika amazzi ku nnimiro:
- 11 Awo n'agulumiza abo abatoowazibwa; N'abo abali mu nnaku ne basitulibwa ne baba mirembe.
- 12 Atta enkwe ez'abagerengetanya, Emikono gyabwe ne gitayinza kutuukiriza bye batandise.
- 13 Akwasa abagezi olukwe lwabwe bo: N'okuteesa kw'ab'ekyejo kumenyekera ddala.
- 14 Baba n'ekizikiza emisana, Era bawammanta mu ttuntu nga kiro.
- 15 Naye alokola mu kitala eky'akamwa kaabwe, Alokola eyeetaaga mu mukono gw'ow'amaanyi.
- 16 Kale omwavu n'aba n'okusuubira, Obutali butuukirivu ne buziba akamwa kaabwo.
- 17 Laba aweereddwa mukisa omuntu Katonda gw'akangavvula: Kale tonyooma kubu-ulirira kw'Omuyinza w'ebitu byonna.
- 18 Kubanga ye alumya era ye anyiga; Ye afumita era engalo ze z'eziwonya.
- 19 Anaakuwonyanga mu buyinike omukaaga; Weewaawo, mu musanvu teaabenga bubu obunaakukomangako.

- 20 Mu njala anaakunulanga obutafa; Ne mu ntalo anaakuwonyanga mu maanyi g'ekitala.
- 21 Onookwekebwanga awali okubambula kw'olulimi; So tootyenga kuzikirira bwe kunajjanga.
- 22 Onoosekereranga okuzikirira n'enjala; So tootyenga nsolo za ku nsi.
- 23 Kubanga onoolagaananga endagaano n'amayinja ag'omu ttale; N'ensolo ez'omu nsiko zinaabanga n'emirembe gy'oli.
- 24 Era onoomanyanga ng'eweema yo eri mirembe; Era onoolambulanga ekisibo kyo n'otobulwa kintu.
- 25 Era onoomanyanga ng'ezzadde lyo linaabanga kkulu. N'enda yo ng'omuddo ogw'ettale.
- 26 Olituuka mu ntaana yo ng'owezezza emyaka mmingi. Ng'ekinywa ky'eaano bwe kijja mu ntuuko zaakyo.
- 27 Laba, ekyo twakikenneenya, bwe kiri bwe kityo. Kiwulire okimanye olyoke obeere bulungi.

Essuula 6

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Singa okweraliikirira kwange kupimiddwa, N'ennaku zange singa ziteekeddwa mu minzaani wamu!
- 3 Kubanga kaakano zandisinze obuzito omusenyu ogw'ennyanja: Ebigambo byange kye bivudde bibeera eby'okwanguyiriza.
- 4 Kubanga obusaale bw'Omuyinza w'ebintu byonna buli munda yange, N'obusagwa bwabwo omwoyo gwange gubunywa: Eby'entiisa ebya Katonda bisimba ennyiriri okulwana nange.
- 5 Entulege ekaaba bw'eba n'omuddo? Oba ente eoa awali emmere yaayo?
- 6 Ekitaliimu nsa kiriika awatali munnyo? Oba olububi lw'eggi luliko bwe luwooma?
- 7 Emmeeme yange egaana okubikomako; Birianga ebyokulya eby'omuzizo gye ndi.
- 8 Singa nnyinza okuweebwa kye nsaba; Katonda singa ampadde kye nneegomba !
- 9 Katonda singa asiimye okumbetenta; Singa ayanjuluzza engalo ze n'ammalawo!
- 10 Kale bwe nrandibadde n'okusanyusibwa nga mmaze Weewaawo, nandijaguzizza olw'okulumwa awatali kusaasirwa: Kubanga sigaananga bigambo bya Mutukuvu.
- 11 Amaanyi gange kye ki, nnindirire? N'enkomerero yange kye ki, ngumiikirize?
- 12 Amaanyi gange maanyi ga mayinja? Oba omubiri gwange gwa kikomo?
- 13 Si kubanga sirina kinnyamba mu nze? N'okukola okw'amaanyi kugobeddwa ddala gye ndi?
- 14 Ayagala okuzirika agwana mukwano gwe okumukola eby'ekisa; Era n'oyo aleka okutya Omuyinza w'ebintu byonna.
- 15 Baganda bange balimbyerimbye ng'akagga, Ng'olusalosalo lw'obugga oluggwaawo:
- 16 Obuddugala olw'amazzi agakutte, Era omuzira mwe gwekweka:
- 17 Buli lwe bubuguma, ne bubula: Ebbugumu bwe libaawo, bumalibwawo okuva mu kifo kyabwo.
- 18 Essafaali ezitambula ku mabbali gaabwo ne zikyama; Bambuka mu ddungu ne bazikirira.
- 19 Essafaali z'e Tema zaatunula, Ebibiina eby'e Seeba byabulindirira.
- 20 Baakwatibwa ensonyi kubanga baasuubira; Bajja eyo ne baswazibwa.
- 21 Kubanga kaakano temuliiko kye muli; Mulaba ekitiisa ne mutya.
- 22 Nali mbagambye nti Mpa? Oba nti Muweeyo ku bintu byammwe ekirabo ku lwange?
- 23 Oba nti Mumponye mu mukono gw'omulabe? Oba nti Munnunule mu mukono

gw'abajoozi?

- 24 Munjigirize nange naasirika: Era muntegeeze bwe kiri kye nnasobyia.
- 25 Ebigambo eby'obugolokofu nga bya maanyi! Naye okuwakana kwammwe kunenya ki?
- 26 Mulowooza okunenya ebigambo? Kubanga okwogera kw'oyo atalina ssuubi birianga empewo.
- 27 Weewaawo, mwandikubidde obululu atalina kitaawe, Ne mukwano gwammwe mwandimuviisizzaamu amagoba.
- 28 Kale nno mukkirize okuntunuulira; Kubanga mazima sijja kulimba mu maaso gammwe.
- 29 Muddeeyo, mbeegayiridde, waleme okubaawo ebitali bya nsonga; Weewaawo, muddeeyo nate, ensonga yange nnungi.
- 30 Ku lulimi lwange kuliko ebitali bya nsonga? Amatama gange tegayinza kwawula bigambo ebireeta akabi?

Essuula 7

- 1 Abantu tebalina lutalo ku nsi? N'ennaku zaabwe tezifaanana nnaku z'oyo akolera empeera?
- 2 Ng'omuuddu ayaayaanira ennyo ekisiikirize, Era ng'oyo akolera empeera bw'asuubira empeera ye:
- 3 Bwe ntyo nange bwe mmazibwa emyezi egitaliiko kye gigasa, N'ebiseera eby'ekiro ebinkooya byanteekerwawo.
- 4 Bwe ngalamira ne njogera nti Naayimuka ddi? naye ekiro kirwawo; Era nsula nneeku-biira okukeesa obudde.
- 5 Omubiri gwange gwambadde envunyu n'amafunfugu; Eddiba lyange liziba ne litulika nate.
- 6 Ennaku zange ziwulukuka mangu okusinga obutanta bw'omulusi w'engoye, Era ziggwaawo awatali ssuubi.
- 7 Woowe, jjukira ng'obulamu bwange mpewo: Amaaso gange tegakyalaba nate birungi.
- 8 Eriiso ly'oyo andaba terikyandaba nate: Amaaso go galiba ku nze, naye nga siriiwo.
- 9 Ekire nga bwe kiggwaawo ne kibula, Bw'atyo n'oyo akka mu magombe taalinyenga kuvaayo.
- 10 Taddenga nate mu nnyumba ye, So n'ekifo kye tekiimumanyenga nate.
- 11 Kyennaava nnema okuziyiza akamwa kange; Naayogeza obubalagaze bw'omwoyo gwange; Neemulugunyisa obuyinike bw'emmeeme yange.
- 12 Nze nnyanja, oba lukwata, N'okussaako n'onzisaako abankuuma?
- 13 Bwe njogera nti Ekitanda kyange kinansanyusa, Ekiriri kyange kinaawummuza okwemulugunya kwange;
- 14 Kale n'olyoka ontiisa n'ebirooto, N'onkanga n'okwolesebwa:
- 15 Emmeeme yange n'okweroboza ne yeeroboza okutugibwa, N'okufa okusinga amagumba gange gano.
- 16 Ntamiddwa obulamu bwange; saagala kuba mulamu ennaku zonna: Ndeka; kubanga ennaku zange teziriimu.
- 17 Omuntu kye kiki, ggwe okumukuza, Era ggwe okumussaako omwoyo gwo.
- 18 N'okumujjira buli nkya, N'okumukema buli kaseera?
- 19 Olituusa wa obutanziyangako maaso, N'obutandekanga okumala okumira amalusu gange?
- 20 Oba nga nnyonoonye, nkukola ki ggwe, ggwe alabirira abantu? Kiki ekyakunteesaawo okuba sabbaawa gy'oli, N'okuzitowa ne nneezitoowerera nze nzekka?

- 21 Era kiki ekikulobera okusonyiwa okusobya kwange n'okuggyawo obutali butuukirivu bwange? Kubanga kaakano naagamira mu nfuufu; Naawe olinnoonyeza ddala, naye nze nga siriwo.

Essuula 8

- 1 Awo Birudaadi Omusuki n'addamu n'ayogera nti
- 2 Olituusa wa okwogera ebyo? Era ebigambo eby'omu kamwa ko birituusa wa okuba ng'empewo ey'amaanyi?
- 3 Katonda anyoola omusango? Oba Omuyinza w'ebintu byonna anyoola ensonga?
- 4 Abaana bo oba nga baamwanoona, Ye n'abagabula mu mukono gw'okusobya kwabwe:
- 5 Bw'onokkiriza okunoonyeza ddala Katonda, Ne weegayirira Omuyinza w'ebintu byonna;
- 6 Singa obadde mulongoofu era wa mazima; Teyandiremye nno okukuzuukukira, N'awa omukisa ekifo omubeera obutuukirivu bwo.
- 7 Okusooka kwo newakubadde nga kwali kutono, Naye enkomerero yo ey'oluvannyuma yandyeyongedde nnyo.
- 8 Kubanga buuzab' emirembe egyasooka, nkwegayiridde, Okenneeny ebyo bajjaj-jaabwe bye baanoonyeza ddala:
- 9 (Kubanga tuli ba jjo, so tetuliiko kye tumanyi, Kubanga ennaku zaffe ze tumala ku nsi kisiikirize:)
- 10 Bo tebalikuyigiriza ne bakubuulira, Ne boogera ebigambo ebiva mu mutima gwabwe?
- 11 Ekitooogo kiyinza okukula awatali bitosi? Olulago luyinza okumera awatali mazzi?
- 12 Nga lukyali lubisi nga terunnatemebwa, Luwotoka okusooka omuddo omulala gwonna.
- 13 Bwe gatyo bwe gabeera amakubo ga bonna abeerabira Katonda; N'essuubi ly'oyo atatya Katonda binaabulanga:
- 14 Obwesige bwe bunaakutukanga, N'ekyo kye yeesiga ngoye za nnabbubi.
- 15 Aneesigamanga ku nnyumba ye, naye teeyimirenga: Anaaginywererangako, naye teegumenga.
- 16 Ayerera mu maaso g'enjuba, N'amalagala ge galanda okubuna olusuku lwe.
- 17 Emmizi gye gikwata ku kifunvu, Alaba ekifo eky'amayinja.
- 18 Bw'anaazikirizibwanga okuva mu kifo kye, Awo kinaamwegaananga nga kyogera nti Sikulabangako.
- 19 Laba, eryo lye ssanyu ery'ekkuubo lye, N'abalala baliroka okuva mu ttaka.
- 20 Laba, Katonda taasuulenga muntu eyatuukirira. So taawanirirenga abo abakola obubi.
- 21 Bw'alimala alijjuza akamwa ko enseko, N'emimwa gyo okwogerera waggulu.
- 22 Abakukyawa balyambala ensonyi; N'eweema ey'ababi teribaawo nate.

Essuula 9

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Mazima mmanyi nga bwe kiri bwe kityo: Naye omuntu ayinza atya okuba n'obutuukirivu eri Katonda?
- 3 Bw'aba nga ayagadde okuwakana naye Tayinza kumuddamu kigambo na kimu mu lukumi.
- 4 Omutima gwe gwa magezi, era amaanyi ge mangi: Anni eyali yeekakanyazizza eri ye n'alaba omukisa?
- 5 Ajjulula ensozi ne zitamanya, Bw'azivuunisa obusungu bwe.

- 6 Anyeenya ensi okuva mu kifo kyayo, Empagi zaayo ne zikankana.
- 7 Alagira enjuba n'etevaayo; Era atekako akabonero ku mmunyeenye.
- 8 Abamba eggulu yekka, Era alinnyirira amayengo ag'ennyanja.
- 9 Akola Nabaliyo, Entungalugoye, ne Kakaaga, N'ebisenge eby'obukiika obwa ddyo.
- 10 Akola ebikulu ebitanoonyezeka; Weewaawo, eby'ekitalo ebitabalika.
- 11 Laba, ampitako, ne ssimulaba: Era yeeyongerayo mu maaso, naye ne ssimutegeera.
- 12 Laba, akwata omuyiggo, ani ayinza okumuziyiza? Ani anaamugamba nti Okola ki?
- 13 Katonda taggyengawo busungu bwe; Ababeezi ba Lakabu bakutama wansi we.
- 14 Nze sirisinga nnyo obutamuddamu, Ne nneerobaza ebigambo byange mpakane naye?
- 15 Gwe sandizeemu newakubadde nga ndi mutuukirivu; Nandyegayidde omulabe wange.
- 16 Singa nkoowodde naye ng'ajitabye; Era naye sandikkirizza ng'awulidde eddoboosi lyange.
- 17 Kubanga ammenya ne kibuyaga, Era ayongera ebiwundu byange okunnanga obw-ereere.
- 18 Taanyenga kussa mukka, Naye anjijuzza obubalagaze.
- 19 Bwe twogera ku maanyi ag'omuyinza, laba, nga waali! Bwe twogera ku kusala omusango, ani ananteekerawo ekiseera?
- 20 Newakubadde nga ndi mutuukirivu, akamwa kange nze ke kanansalira omusango okunsinga: Newakubadde nga natuukirira, kanantegeeza okuba omukyamu.
- 21 Nze ndi muntu eyatuukirira; seerowooza nzekka; Nnyooma obulamu bwange.
- 22 Bwonna bwe bumu; kyenya njogera nti Azikiriza oyo eyatuukirira n'omubi.
- 23 Ekibonyoobonyo bwe kitta amangu ago, Alikudaalira okusalirwa omusango okw'abataliiko kabi.
- 24 Ensi eweereddwayo mu mukono gw'omubi : Abikka ku maaso g'abalamuzi baayo; Oba nga si ye, kale ye ani?
- 25 Ennaku zange nno ziwulukuka mangu okusinga omubaka: Zidduka, teziriiko bulungi bwe ziraba.
- 26 Ziyise ng'amaato agatambula embiro Ng'empungu ekka ku muyiggo.
- 27 Bwe njogera nti Nneerabira okwemulugunya kwange, Naasanyusa amaaso gange aganakuwadde ne umya omwoyo:
- 28 Awo nga ntidde obuyinike bwange bwonna, Mmanyi nga tolimpita ataliiko musango.
- 29 Omusango gulinsinga; Kale kiki ekinteganyisa obwereere?
- 30 Bwe nnaaba amazzi ag'omuzira, Engalo zange newakubadde nga nzitukuza ntya;
- 31 Era naye olinsuula mu lusalosalu, N'engoye zange nze zirintamwa.
- 32 Kubanga ye si muntu nga nze bwe ndi, nze okumuddamu, Ffe okulabagana okuwoza omusango.
- 33 Tewali mulamuzi ali wakati waffe, Eyandiyinzizza okuteeka omukono gwe ku ffe fembi.
- 34 Anziyeeko omuggo gwe, So entiisa ye ereme okunkanga:
- 35 Kale bwe nandyogedde ne simutya: Kubanga si bwe ntyo bwe ndi nze nzekka.

Essuula 10

- 1 Emmeeme yange enyiye obulamu bwange; Naafukumula okwemulugunya kwange; Naayogeza kkabyo lya mmeeme Yange.
- 2 Naagamba Katonda nti Tonsalira musango okunsinga; Ntegeeza kyova owakana nange.
- 3 Okiyita kirungi ggwe okujooga, Okunyooma omulimu gw'engalo zo, N'oyakira okuteesa kw'ababi?
- 4 Olina amaaso ag'omubiri, Oba ggwe olaba ng'abantu bwe balaba?

- 5 Ennaku zo zirianga ennaku ez'abantu, Oba emyaka gyo ng'ennaku ez'abantu,
- 6 N'okubuuza n'obuuza obutali butuukirivu bwange, N'onoonya okwonoona kwange,
- 7 Newakubadde ng'omanyi nga ssiri mubi; So tewali ayinza okuwonya mu mukono gwo?
- 8 Emikono gyo gye gyammumba, gye gyankola Wamu eruuyi n'eruyi; naye onzikiriza.
- 9 Nkwegayiridde, jjukira nga wammumba ng'ettaka; Era olinziza nate mu nfuufu?
- 10 Tonzituludde ng'amata, N'onkwasa ng'amata amakalu?
- 11 Wannymbaza eddiba n'omubiri, Era wangatta wamu n'amagumba n'ebinywa.
- 12 Wampa obulamu n'okuganja, N'okujja kwo gye ndi kwe kwakuuma omwoyo gwange.
- 13 Era naye wakisa ebyo mu mutima gwo; Mmanyi ng'ekyo kiri naawe:
- 14 Bwe nnyonoona, kale oneetegereza, So tolinziyako butali butuukirivu bwange.
- 15 Bwe mba omubi, nga zinsanze; Era bwe mba omutuukirivu, era naye siriyimusa mutwe gwange; Nga nswazibwa nnyo Era nga ntunuulira ennaku ze ndaba.
- 16 Era omutwe gwange bwe gwegulumiza, onjigganya ng'empologoma: Era nate weer-aga ow'ekitalo gye ndi.
- 17 Okomyawo buggya abajulirwa bo eri nze, N'onnyongerako okunyiiga kwo; Ebikyukakyuka n'obulwa biri nange.
- 18 Kale kiki ekyakunziyisa mu lubuto? Nanditadde omukka, so tewandibaddewo liiso eryandindabye:
- 19 Nandibadde ng'atabangawo; Nandisituliddwa okuva mu lubuto okuntwala mu ntaana.
- 20 Ennaku zange si ntono? Kale lekera awo, Ondeke nsanyusibweko katonu,
- 21 Nga sinnagenda eyo gye ssiivenga kukomawo, Ye nsi ey'ekizikiza n'ey'ekisiikirize eky'okufa;
- 22 Ensi ey'ekizikiza ekikutte, ng'ekizikiza kyennyini bwe kiri; Ensi ey'ekisiikirize eky'okufa awatali kuteekateeka, Era omusana gwayo gulianga ekizikiza.

Essuula 11

- 1 Awo Zofali Omunaamasi n'addamu n'ayogera nti
- 2 Olufulube lw'ebigambo terugwana kuluddamu? N'omuntu omwogezizoyegezi agwana okumuwa obutuukirivu?
- 3 Okwenyumiriza kwo kwandisirisizza abantu? Era bw'oduula, tewaabeewo anaakuk-wasa ensonyi?
- 4 Kubanga oyogera nti Okuyigiriza kwange kulongoofu, Nange ndi mulungi mu maaso go.
- 5 Naye Katonda singa ayogedde, N'ayasamya emimwa gye eri ggwe:
- 6 Era singa akwolesezza ebyama eby'amagezi, Nga ga ngeri nnyingi mu kukola okw'amaanyi! Kale tegeera Katonda ng'akutaatira so si ng'obutali butuukirivu bwo bwe bwasaanira.
- 7 Oyinza okulaba Katonda olw'okunoonya? Oyinza okulaba Omuyinza w'ebintu byonna n'omumalayo?
- 8 Kyenkana eggulu obugulumivu; oyinza kukola ki? Kisinga amagombe okugenda wansi; oyinza kumanya ki?
- 9 Ekigero kyakwo kisinga ensi obuwanvu, Era kisinga ennyanja obugazi:
- 10 Bw'anaayitamamu n'asiba abantu, N'abayita okujja okusalirwa omusango, kale ani ayinza okumuziyiza?
- 11 Kubanga amanyi abantu abataliiko kye bagasa: Era alaba n'obutali butuukirivu newakubadde nga tabulwooza.

- 12 Naye omuntu ataliiko ky'agasa talina kutegeera, Weewaawo, abantu bazaalibwa ng'omwana w'entulege.
- 13 Bw'onootekateekanga obulungi omutima gwo, N'ogololanga emikono gyo eri ye;
- 14 Obujeemu oba nga buli mu mukono gwo, buteekenga wala, So n'obutali butuukirivu bulemenga okubeera mu weema zo;
- 15 Kale toolemenga kuyimusa maaso go awatali bbala; Weewaawo, onootereeranga so tootyenga:
- 16 Kubanga oneerabiranga ennaku ze walaba; Onoozijekiranga ng'amazzi agayiseewo:
- 17 N'obulamu bwo bunaatangalanga okusinga ettuntu; Newakubadde nga waliwo ekizikiza, bunaabanga ng'obw'enkya.
- 18 Naawe onoobanga mirembe, kubanga essuubi weeriri; Weewaawo, onoomagamaganga n'owummula mirembe.
- 19 Era onoogalamiranga so tewaabenga anaakutiisanga; Weewaawo, bangi abanaakwe-gayiriranga.
- 20 Naye amaaso g'ababi ganaggwangawo, N'obuddukiro bunaababulanga, N'essuubi lyabwe linaabanga kuta mukka.

Essuula 12

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Mazima ddala mmwe muli bantu bennyini, Era amagezi galifiira wamu nammwe.
- 3 Naye nange nnina okutegeera so si mmwe mwekka; Mmwe temusinga: Weewaawo, ani atamanyi ebiri ng'ebyo?
- 4 Ninga omuntu asekererwa eri munne, Omusajja eyakaabira Katonda n'amuddamu: Omusajja ow'ensonga era eyatuukirira asekererwa.
- 5 Mu kulowooza kw'oyo eyessa mulimu okunyooma akabi; Kweteekeddeteekedde abo abaseerera n'ekigere kyabwe.
- 6 Eweema ez'abanyazi ziraba omukisa, N'abo abanyiiza Katonda baba mirembe; Katonda aleeta ebintu bingi mu mukono gwabwe.
- 7 Naye nno buuza ensolo, zinaakuyigiriza; N'ennyonyi ez'omu bbanga, zinaakubuulira:
- 8 Oba yogera n'ettaka, linaakuyigiriza; N'ebyennyanja ebiri mu nnyanja binaakunnyonyola.
- 9 Ani atamanyi mu ebyo byonna, Ng'omukono gwa Mukama gwe guleese ebyo?
- 10 Obulamu bwa buli kintu ekiramu buli mu mukono gw'oyo, N'omukka gw'abantu bonna.
- 11 Okutu tekukema bigambo, Era ng'amatama bwe galega ku mmere yaago?
- 12 Amagezi gaba n'abasajja abakadde, N'okutegeera kuba mu kuwangaala ennaku nnyingi.
- 13 Eri ye eriyo amagezi n'amaanyi; yalina okuteesa ebigambo n'okutegeera.
- 14 Laba, amenya so tekiyinzika kuzimbibwa nate; Aggalira omuntu so tewayinza kubaawo kuggulawo.
- 15 Laba, aziyiza amazzi ne gakala; Nate agasindika ne gavuunika ensi.
- 16 Eri ye eriyo amaanyi n'okukolera ddala; Alimbibwa n'alimba babe.
- 17 Atwala abateesa b'ebigambo nga banyagiddwa, N'abalamuzi abafuula abasirusiru.
- 18 Asumulula olujegere lwa bakabaka, Era asiba ekiwato kyabwe n'olukoba.
- 19 Atwala bakabona nga banyagiddwa, Era amegga ab'amaanyi.
- 20 Abeesigwa amalawo okwogera kwabwe, N'abakadde abaggyako okutegeera kwabwe.
- 21 Afuka okunyoombwa ku balangira, Era asumulula olukoba olw'ab'amaanyi.
- 22 Ayolesa eby'obuziba ng'abiggya mu kizikiza, Era ayerula ekisiikirize eky'okufa.
- 23 Ayaza amawanga, era agazikiriza: Abunya amawanga mu nsi, era agakomyawo.

- 24 Abakulu b'abantu ab'omu nsi abaggyako omwoyo, Era abawabiza mu ddungu awatali kkubo.
- 25 Bawammantira mu kizikiza awatali musana, Era abatagassa ng'omutamiivu.

Essuula 13

- 1 Laba, eriiso lyange lyalaba ebyo byonna, Okutu kwange kwabiwulira ne kubitegeera.
- 2 Bye mumanyi era nange mbimanyi: Mmwe temunsinga.
- 3 Mazima naayogera n'Omuyinza w'ebintu byonna, Era njagala okuteesa ne Katonda.
- 4 Naye mmwe mugunja eby'obulimba, Mmwenna muli basawo abataliiko kye bagasa.
- 5 Singa musirikidde ddala! Lwe mwandibadde n'amagezi.
- 6 Muwulire nno ensonga yange, Mutege okutu eri okuwoza kw'emimwa gyange.
- 7 Munawolereza Katonda nga mwogera ebitali bya songa, Era nga muleeta eby'obulimba?
- 8 Munaamutya kitiibwa? Munaayomberera Katonda?
- 9 Kirungi ye okubakebera? Oba ng'omuntu bw'alimba munne munaamulimba ye?
- 10 Talirema kubanenya, Bwe munaatya ekitiibwa mu kyama.
- 11 Obukulu bwe obusinga tebulibatiisa N'entiisa ye teribagwako?
- 12 Ebigambo byammwe ebijjukirwa ngero za vvu, Enkomera zammwe nkomera za ttaka.
- 13 Musirike mundeke njogere, Ebinaayagala okujja binjijire.
- 14 Kiki ekinaaba kintwaza omubiri gwange mu mannyo gange, Ne nteeka obulamu bwange mu mukono gwange?
- 15 Newakubadde ng'anzita era naye naamulindiriranga: Era naye naakakasanga amakubogange mu maaso ge.
- 16 Era ekyo kye kinaabanga obulokozi bwange; Kubanga omusajja atatya Katonda taatuukenga mu maaso ge.
- 17 Muwulire nnyo ebigambo byange, N'ebyo bye njatula bibe mu matu gammwe.
- 18 Laba nno, ndiraanyizza ensonga yange; Mmanyi nga ndi mutuukirivu.
- 19 Ani anaawakana nange? Kubanga kaakano naasirika ne nta omukka.
- 20 Kyokka tonkola bigambo bibiri, Kale ne sseekweka amaaso go:
- 21 Nziyaako omukono gwo gumbeere wala; So n'entiisa yo ereme okunkanga.
- 22 Kale koowoola ggwe nange naayitaba; Oba leka njogere naawe onziremu.
- 23 Obutali butuukirivu bwange n'ebibi byange byenkana wa obungi? Ntegeeza okusobya kwange n'okwonoona kwange.
- 24 Okisiza ki amaaso go, N'ompita omulabe wo?
- 25 Onoococca essubi eritwalibwa empewo? Era onooyigganya ebisasiro ebikaze?
- 26 Kubanga ompandiikira ebigambo eby'ekkyabyo, Era onsisira obutali butuukirivu obw'omu buto bwange:
- 27 N'ebigere byange obisiba mu nvuba, era olamba amakubogange gonna; Okoloboza olukoloboze okwetooloola ebigere byange:
- 28 Newakubadde nga nfaanana ekintu ekivundu ekiggwaawo, Ekyambalo ekiriiriddwa ennyenje.

Essuula 14

- 1 Omuntu azaalibwa omukazi wa nnakku si nnyigi, era ajjude obuyinike.
- 2 Amulisa ng'ekimuli n'atemebwa: Era adduka ng'ekisiikirize so tabeerera.
- 3 Naawe omuzibulira amaaso go afaanana bw'atyo, N'ondeeta mu musango nze naawe?
- 4 Ani ayinza okuggya ekintu ekirongoofu mu kitali korongoofu? tewali n'omu.

- 5 Kubanga ennaku ze zaateesebwa, omuwendo gw'emyezi gye guli naawe, Era wamuteekerawo ensalo ze z'atayinza kusukkako;
- 6 Muggyeeko amaaso go awummule, Okutuusa lw'alimala olunaku lwe ng'akolera empeera.
- 7 Kubanga waliwo essuubi ery'omuti bwe gutemebwa nga guliroka nate, Era ng'ettabi lyagwo etto teririfa.
- 8 Ekikolo kyagwo newakubadde nga kikaddiwa mu ttaka, N'ekikonge kyagwo ne kifira mu nsi;
- 9 Naye olw'akaloosa k'amazzi gulimulisa, Ne gusuula amatabi ng'ekisimbe.
- 10 Naye omuntu afa era ayongobera: Weewaawo, omuntu ata omukka, kale ali ludda wa?
- 11 Ng'amazzi bwe gaggweerera mu nnyanja, N'omugga nga bwe guggwaawo ne gukalira;
- 12 Bw'atyo n'omuntu agalamira n'atayimuka: Okutuusa eggulu lwe litalibaawo nate, tebalizuukuka, So tebalizuukuzibwa mu tulo twabwe.
- 13 Singa onkwese mu magombe, Singa onkisa kyama okutuusa obusungu bwo lwe buliyita, Singa onteekeddewo ekiseera ekiragiddwa, n'onjjukira!
- 14 Omuntu bw'afa aliba mulamu nate? Nandirindiridde ne mmala ennaku zonna ez'olutabaalo lwange, Okutuusa okuteebwa kwange lwe kwandizze.
- 15 Wandimpise, nange nandikuyitabye: Wandibadde n'okwegomba eri omulimu gw'emikono gyo.
- 16 Naye kaakano obala ebigere byange: Tolabirira kwonoona kwange?
- 17 Okusobya kwange kuteekeddewo akabonero mu nsawo, Era osibira ddala obutali butuukirivu bwange.
- 18 Era mazima olusozi olugwa luggwaawo, N'olwazi luggibwawo mu kifo kyalwo;
- 19 Amazzi gasiriiza amayinja; Okwaajaala kwago kufumbiikiriza enfuufu ey'oku nsi: Era ozikiriza essuubi ery'omuntu.
- 20 Ennaku zonna ng'omuwangula, n'ayitawo; Owaanyisa amaaso ge n'omusindika.
- 21 Batabani be batuuka mu kitiibwa, ye nga takimanyi; Bakkakkanyizibwa, naye ye nga tategeera bwe bali.
- 22 Naye omubiri gwe oguli ku ye gulumwa, N'emmeeme ye eri munda ye enakuwala.

Essuula 15

- 1 Awo Erifaazi Omutemani n'addamu n'ayogera nti
- 2 Ow'amagezi yandizzeemu n'okumanya okutaliimu, N'ajjuza olubuto lwe n'embuyaga ez'ebuvanjuba?
- 3 Yandiwakanye n'ebigambo ebitaliiko kye bigasa, Oba ng'ayogera ebitaliiko kye biyinza?
- 4 Weewaawo, omalawo okutya, Era oziyiza okwagala Katonda mu maaso ge.
- 5 Kubanga obutali butuukirivu bwo bwe buyigiriza akamwa ko, Era weeroboza olulimi lw'abagerengetanya.
- 6 Akamwa ko ggwe ke kakusalira omusango okukusinga so si nze; Weewaawo, emimwa gyo ggwe ye mujulirwa eri ggwe.
- 7 Ggwe wasooka abantu bonna okuzaalibwa? Oba ggwe baakuzaala ensozi nga tezinnabaawo?
- 8 Wali owulidde okuteesa kwa Katonda okw'omu kyama? Era weeyita wa magezi wekka omu?
- 9 Kiki ky'omanyi ffe kye tutamanyi? Kiki ky'otegeera ekitali mu ffe?
- 10 Abameze envi n'abakadde ennyo bali wamu naffe, Abasinga ennyo kitaawo obukadde.

- 11 Okusanyusa kwa Katonda kutono, tekukumala, N'ekigambo ekyogera naawe empola?
- 12 Omutima gwo gukutwalira ki? N'amaaso go gatemeza ki?
- 13 N'okukyusa omwoyo gwo okulwana ne Katonda, N'oleka ebigambo ebiri bwe bityo okuva mu kamwa ko.
- 14 Omuntu kye kiki abeere omulongoofu? N'oyo azaalibwa omukazi abeere omutuukirivu?
- 15 Laba, teyeesiga batukuvu be; Weewaawo, eggulu si ddongoofu mu maaso ge.
- 16 Omugwagwa era omuvundu si ye asinga nnyo obutaba mulongoofu, Omuntu anywa obutali butuukirivu ng'amazzi!
- 17 Naakwolesa, mpulira; N'ekyo kye ndabye kye nnaabuulira:
- 18 (Ab'amagezi kye baabuuliranga Okuva ku bajajjaabwe, ne batakikweka;
- 19 Abaaweebwa ensi bokka, So tewali munnagwanga eyayita mu bo:)
- 20 Omubi aba lubuto lwa buyinike enaku ze zonna, Gwe muwendo gw'emyaka egya-muterekerwa omujoozi.
- 21 Eddoboozi ery'entiisa liba mu matu ge; Bw'aba ng'alabye omukisa omunyazi alimugwako:
- 22 Takkiriza ng'alidda okuva mu kizikiza, Era ekitala kimulindirira:
- 23 Atambuliratambulira ekyokulya ng'ayogera nti Kiri ludda wa? Amanyi ng'olunaku olw'ekizikiza lweteeseteese, luli ku mukono gwe.
- 24 Okweraliikirira n'obubalagaze bimutiisa; Bimuwangula nga kabaka eyeeteeseteese okulwana:
- 25 Kubanga agolodde omukono gwe eri Katonda, N'agirira Omuyinza w'ebintu byonna eby'ekyejo;
- 26 Amufubutukirako ng'akakanyazizza ensingo ye, N'amakundi amanene ag'oku ngabo ze:
- 27 Kubanga abisse ku maaso ge obugevva bwe, Era aleese ebifi by'amasavu ku mbiriizi ze;
- 28 Era yabeeranga mu bibuga eby'amatongo, Mu nnyumba omutali muntu, Ezaali zaagala okufuuka ebifunvu.
- 29 Taagaggawalenga so n'ebintu bye tebiibenga bya lubeerera, So n'ebibala byabwe tebiikutamenga okutuuka ku ttaka.
- 30 Taavenga mu kizikiza; Omuliro gunaakazanga amatabi ge, Era anaavangawo olw'omukka ogw'omu kamwa ke.
- 31 Aleme okwesiga ebitaliimu nga yeerimbalimba: Kubanga ebitaliimu bye binaabanga empeera ye.
- 32 Eneekomekkerezewanga ebiro bye nga tebinnatuukirira, N'ettabi lye teriggumizenga.
- 33 Anaakunkumulanga ezabbibu ze ezitannaba kwengera ng'omuzabbibu, Era anaasin-simulanga ekimuli kye ng'omuzeyituuni.
- 34 Kubanga ekibiina ky'abatatya Katonda kinaabanga kigumba, Era omuliro gunaayokyanga eweema ezinaalwangamu enguzi.
- 35 Baba mbuto za bubu, ne bazaala obutali butuukirivu, N'olubuto lwabwe luteekateeka bukuusa.

Essuula 16

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti Mpulirizza bingi ebiri bwe bityo:
- 2 Mwenna muli basanyusa abatagasa.
- 3 Ebigambo ebitaliimu binaakoma? Oba kiki ekikusosonkereza n'okwanukula n'oyanukula?

- 4 Era nange nandiyinzizza okwogera nga mmwe bwe mwogera; Emmeeme yammwe singa ebadde mu kifo ky'emmeeme yange, Nandiyinzizza okutunga ebigambo okubanyanya, N'okubanyeenyereza omutwe gwange.
- 5 Naye nandibawadde amaanyi n'akamwa kange, N'okusanyusa kw'emimwa gyange kwandikkakanyizza obuyinike bwammwe.
- 6 Newakubadde nga njogera, obuyinike bwange tebunnakkakkana: Era newakubadde nga nzibiikiriza, mpummuzibwa ntya?
- 7 Naye kaakano ankooyezza: N'ekibiina kyange kyonna okizisizza.
- 8 Era onkwatidde ddala, ye mujulirwa gye ndi: N'obukovvu bwange bungolokokerako, bunnumiriza mu maaso gange.
- 9 Antaagudde n'ekiruyi kye, anjigganyizza; Era annumidde obujugu: Omulabe wange ankanulira amaaso.
- 10 Banjasamidde akamwa kaabwe; Bankubye empi nga banswaza: Bankuaanirako.
- 11 Katonda angabula eri atatya Katonda, Era ansuula mu mikono gy'ababi.
- 12 Nali mpeeraweera n'anjasaamu wakati; Weewaawo, yankwata mu nsingo n'antandag-gira okummenyamenya: Era ansimbye okuba sabbaawa ye.
- 13 Abalasi be banzingizza enjuyi zonna, Ayasaamu ensigo zange so tasonyiwa; Afuka omususa gwange ku ttaka.
- 14 Agenda yeeyongera okummenyamenya; Anfubutukirako ng'omuzira.
- 15 Ntunze ebibukutu ku ddiba lyange, Era ntadde ejjembe lyange mu nfuufu.
- 16 Amaaso gange goonoonese olw'okukaaba amaziga, Ne ku bikowe byange kuliko ekisiikirize ky'okufa;
- 17 Newakubadde nga temuli kyejo mu ngalo zange, N'okusaba kwange kulongoofu.
- 18 Ai ensi, tobikka ku musaayi gwange, N'okukaaba kwange kuleme okubaako we kuliwummulira.
- 19 Ne kaakano, laba, omujulirwa wange ali mu ggulu, N'omuyima wange ali waggulu.
- 20 Mikwano gyange bannyooma: Naye eriiso lyange lifuuka amaziga eri Katonda;
- 21 Azibire ensonga y'omuntu eri Katonda, N'ey'omwana w'omuntu eri munne.
- 22 Kubanga emyaka si mingi bwe giriggwaako, Nditambula olugendo gye ssiriva okukomawo.

Essuula 17

- 1 Omwoyo gwange gumalibwawo, ennaku zange ziwedde, Entaana enneeteekedde-teekedde.
- 2 Mazima waliwo abakudaazi gye ndi, N'eriiso lyange libeera mu kusosonkereza kwabwe.
- 3 Leeta nno akakalu, onneeyimirire gy'oli wekka; Waliwo ani anaakwatagana nange mu mukono?
- 4 Kubanga okisizza omutima gwabwe obutategeera: Kyonoovanga olema okubagulumiza.
- 5 Oyo aloopa mikwano gye okuba omuyiggo, Era n'amaaso g'abaana be galiggwaawo.
- 6 Era anfudde ekigambo eky'obuwemu mu bantu; Era nfuuse ekyenyinyalwa mu lwatu.
- 7 Era n'eriiso lyange lizibye olw'okunakuwala, N'ebitundu byange byonna biri ng'ekisiikirize.
- 8 Abantu ab'amazima banaakungubazanga ekyo, N'ataliiko musango aneegolokosanga ku oyo atatya Katonda.
- 9 Era naye omutuukirivu anaakwatanga ekkubo lye, N'oyo alina emikono emirongoofu aneeyongerayongeranga okuba n'amaanyi,
- 10 Naye mukomeewo mwenna, mujje nno: So ssiirabe muntu wa magezi ku mmwe.

- 11 Ennaku zange ziwedde, okuteesa kwange kukutuddwa, Era n'okulowooza okw'omu mutima gwange.
- 12 Bafuusa ekiro okuba omusana: Omusana guliraana ekizikiza, bwe boogera bwe batyo.
- 13 Bwe nsuubira amagombe okuba ennyumba yange: Oba nga neeyaliiridde ekitanda kyange mu kizikiza;
- 14 Oba nga ambye okuvunda nti Ggwe kitange; N'envunyu nti Ggwe mmange era mwan-nyinaze;
- 15 Kale essuubi lyange liri ludda wa? N'essuubi lyange aliriraba ani?
- 16 Lirikka mu bisiba eby'amagombe, Okuwummula nga kumaze okubaawo omulundi gumu mu nfuufu.

Essuula 18

- 1 Awo Birudaadi Omusuki n'addamu n'ayogera nti
- 2 Mulituusa wa okuteega ebigambo? Musooke okulowooza, ne tulyoka twogera.
- 3 Ekituyisa ensolo kiki, Ne tufuuka abatali balongoofu mu maaso go?
- 4 Ggwe eyeetaagula olw'obusungu Ensi erirekebwa ku lulwo? Oba olwazi luliggibwa mu kifo kyalwo?
- 5 Weewaawo, omumuli gw'omubi gunaazikizibwanga, So n'olusasi olw'omuliro gwe terwakenga.
- 6 Omumuli gunaabanga kizikiza mu weema ye, N'ettabaaza ye eri waggulu we eneeza-amizibwanga.
- 7 Ebigere eby'amaanyi ge binaafundikirwanga, N'okuteesa kwe ye kunaamusuulanga.
- 8 Kubanga ebigere bye ye bimusudde mu kitimba, Era atambulira ku mutego.
- 9 Ekyambika kinaamukwatanga ekisinziro, N'akakunizo kinaamunyezanga.
- 10 Akamasu kamukwekeddwa mu ttaka, N'ekigu kimukwekeddwa mu kkubo.
- 11 Entiisa eneemukanga enjuyi zonna, Era eneemuyigganyanga ku bisinziro bye.
- 12 Amaanyi ge ganaalumwanga enjala, N'obuyinike bunaamubangako ng'asejjera.
- 13 Bunaalyanga ebitundu by'omubiri gwe, Weewaawo, omubereberye w'okufa anaalyanga ebitundu bye.
- 14 Anaasimbulwanga mu weema ye gye yeesiga; Era anaaleetebwanga eri kabaka w'ebitiisa.
- 15 Ekitali kikyee n'akatono kinaabanga mu weema ye: Ekibiriiti kinaamansirwanga ku kifo mwe yabeeranga,
- 16 Ekikolo kye kinaakaliranga ddala wansi, Ne waggulu ettabi lye linaatemebwangawo.
- 17 Ekijjukizo kye kinaabulanga ku nsi, So taabenga na linnya mu luguudo.
- 18 Anaagoberwanga mu kizikiza okuva mu musana, Era anaayigganyizibwanga okuva mu nsi.
- 19 Taabenga na mwana newakubadde omuzzukulu mu bantu be, Newakubadde omuntu yenna asigadde gye yabeeranga.
- 20 Abanaddangawo baneewuunyanga olunaku lwe, Ng'abo abaasooka bwe baatiisibwa.
- 21 Mazima ennyumba z'atali mutuukirivu bwe zifaanana bwe zityo, Era kino kye kifo ky'oyo atamanyi Katonda.

Essuula 19

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Mulituusa wa okweraliikiriza emmeeme yange, Ne mummeayamenya n'ebigambo?
- 3 Mwakanvumira emirundi kkumi: Temukwatiddwa nsonyi okunzitoowerera.
- 4 N'okukyama newakubadde nga nkyanye, Okukyama kwange kubeera nange mwene.

- 5 Okwegulumiza oba nga muneegulumiza eri nze, Ne mundeetako ekivume kyange:
- 6 Mutegeere nno nga Katonda ansudde mu nsonga yange, Era anzingizizza n'ekitimba kye.
- 7 Laba, njogerera waggulu olw'okujoogebwa, naye ne siwulirwa: Ndaagana nfone obuyambi, naye siraba antaasa.
- 8 Azibye ekkubo lyange n'okuyinza ne ssiyinza kuyitamu, Era atadde ekizikiza mu makubo gange.
- 9 Anziyeeko ekitiibwa kyange, Era aggye engule ku mutwe gwange.
- 10 Ammenyemenye enjuyi zonna, era enze: N'essuubi lyange alisimbudde ng'omuti.
- 11 Era abuubusizza obusungu bwe ku nze, Era ampita omu ku balabe be gy'ali.
- 12 Eggye lye litabaalira wamu, ne batuuma ekkubo lyabwe ku nze, Ne basiisira okuzingiza eweema yange.
- 13 Baganda bange abantadde wala, N'abo be mmanyi bafuukidde ddala nga be ssimanyi:
- 14 Ab'ekika kyange baweddewo, Ne mikwano gyange ennyo banneerabidde.
- 15 Abo ababeera mu nnyumba yange n'abazaana bange bampita mugenyi: Ndi munnaggwanga mu maaso gaabwe.
- 16 Mpita omuddu wange n'atanjitaba, Newakubadde nga mmwegayirira n'akamwa kange.
- 17 Omukka gwange mukazi wange tagumanyi, N'okwegayirira kwange abaana b'enda ya mmange tebakumanyi:
- 18 Era n'abaana abato bannyooma; Bwe nnyimuka banjogerako obubi.
- 19 Emikwano gyange bonna be nteesa nabo bantamiddwa: N'abo be nnayagalanga bakyuse okuba abalabe bange.
- 20 Eggumba lyange lyegatta n'eddiba lyange n'omubiri gwange, Era mponye n'eddiba ly'okumanayo gange.
- 21 Munsaasire, munsaasire, si mmwe mikwano gyange; Kubanga omukono gwa Katonda gunkomyeko.
- 22 Kiki ekibanjigganyisa nga Katonda, So n'omubiri gwange tegubamala?
- 23 Singa nno ebigambo byange biwandiikiddwa! Singa biwandiikiddwa mu kitabo!
- 24 Singa byoleddwa ku lwazi N'ekkalaamu ey'ekyuma n'ekisasi okumala emirembe gyonna!
- 25 Naye mmanyi nga Omununuzi wange aba mulamu, Era ku nkomerero ng'aliyimirira ku nsi:
- 26 Era eddiba ly'omubiri gwange bwe lirimala okuzikirizibwa bwe lityo, Naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda:
- 27 Gwe ndiraba nze mwene, N'amaaso gange galimutunuulira so si mulala. Emmeeme yange emaliddwawo munda yange.
- 28 Bwe munaayogera nti Nga tunaamuyigganya so! Kubanga ekikolo ky'ekigambo kirabise mu nze;
- 29 Mutyenga ekitala: Kubanga obusungu buleeta okubonereza kw'ekitala. Mulyoke mumanye nga waliwo okusala omusango.

Essuula 20

- 1 Awo Zofali Omunaamasi n'addamu n'ayogera nti
- 2 Ebirowoozo byange kyebiva binziramumu, Olw'okwanguyiriza okuli mu nze.
- 3 Mpulidde okunonya okunswaza, Omwoyo ogw'okutegeera kwange ne gunziramumu.
- 4 Ekyo tokimanyi obw'edda, Omuntu kasookedde ateekebwa ku ttaka,
- 5 Ng'okuwangula kw'ababi kwa kuggwaawo mangu, Era ng'essanyu ly'abatamanyi Katonda lya kiseera buseera?

- 6 Obukulu bwe newakubadde nga bulinnya okutuuka mu ggulu, N'omutwe gwe gutuuka mu bire;
- 7 Naye anaabulanga emirembe gyonna ng'empitambi ye ye: Abo abaamulabanga banaayogeranga nti Ali ludda wa?
- 8 Anaavangawo ng'ekirooto, so taalabikenga: Weewaawo, anaagoberwanga ddala ng'okwolesebwa okw'ekiro.
- 9 Eriiso eryamulabanga teriimulabenga nate; So n'ekifo kye tekiimutunuulirenga nate.
- 10 Abaana be baneegonzanga eri abaavu, N'emikono gye ginaakomyangawo obugagga bwe.
- 11 Amagumba ge gajjudde obuvubuka bwe, Naye bunaagalamiranga naye mu nfuufu.
- 12 Obubi newakubadde nga bumuwoomera mu kamwa ke, Newakubadde ng'abukweka wansi w'olulimi lwe;
- 13 Newakubadde ng'abusonyiwa n'ataganya kubuta, Naye ng'akyaguguba nabwo mu kamwa ke;
- 14 Naye emmere ye mu byenda bye efuuse, Bwe busagwa bwe mbalasaasa munda ye.
- 15 Yamira obugagga, era anaabusesemanga nate: Katonda anaabuggyanga mu lubuto lwe.
- 16 Anaanuunanga obusagwa bw'embalasaasa: Olulimi lw'omusota lunaamuttanga.
- 17 Taatunuulirenga migga, Emigga egikulukuta egy'omubisi gw'enjuki n'omuzigo.
- 18 Kye yateganira anaakizzanga, so taakimirenga; So taasanyukenga ng'ebintu bwe biri by'afunye.
- 19 Kubanga yajooga abaavu n'abaleka; Yaggyawo ennyumba olw'amaanyi so taagizimbenga.
- 20 Kubanga teyamanya kutereera munda ye, Taawonyenga kintu ku ebyo by'asanyukira.
- 21 Tewasigala kintu ky'atalya; Omukisa gwe kyegunaavanga gulema okuba ogw'olubeera.
- 22 Mu lufulube lw'ebintu bye ebisukkirira anaalabanga ennaku: Omukono gwa buli muntu aliko obuyinike gunaamutuukangako.
- 23 Bw'aba ng'anaatera okukkusa olubuto lwe, Katonda anaamusuulangako ekiruyi kye ekingi, Era anaakitonyesanga ku ye ng'alya.
- 24 Anaddukanga ekyokulwanyisa eky'ekyuma, N'omutego ogw'ekikomo gunaamufumitanga.
- 25 Aguggyamu ne guva mu mubiri gwe: Weewaawo, omumwa gwagwo ogumasamasa guva mu mususa gwe; Ebitiisa bimuliko.
- 26 Ekizikiza kyonna kyaterekerwa ebibye eby'obugagga: Omuliro ogutakumibwa bantu gunaamwokyanga; Gunaamalangawo ebyo ebisigadde mu weema ye.
- 27 Eggulu linaabikkulanga ku butali butuukirivu bwe, N'ensi eneemugolokokerangako.
- 28 Ekyengera eky'omu nnyumba ye kinaavangawo, Ebintu bye binaabuliranga ku lunaku olw'obusungu bwe.
- 29 Ogwo gwe mugabo gw'omuntu omubi oguva eri Katonda, N'obusika Katonda bwe yamuteekerawo.

Essuula 21

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Muwulire nnyo okwogera kwange; Era bino bibeere bya kubasanyusa.
- 3 Munzikirize, nange naayogera; Kale nga mmaze okwogera, mweyongere okuduula.
- 4 Nze neemulugunya eri abantu? Era ekyandindobedde okwesunaasuna kiki?
- 5 Munziseeko omwoyo, mwewuunye, Era muteeke omukono gwammwe ku kamwa kammwe.

- 6 Bwe njjukira obujjukizi neeraliikirira, Okwesisiwala ne kukwata omubiri gwange.
- 7 Ababi babeerera ki abalamu, Ne bakaddiwa ne baba ba maanyi mu buyinza?
- 8 Ezzadde lyabwe linywera gye bali bo nga balaba, N'enda yaabwe mu maaso gaabwe.
- 9 Ennyumba zaabwe ziba mirembe awatali kutya, So n'omuggo gwa Katonda tegubabaako,
- 10 Ente yaabwe ennume ezaala n'eteddarira; Ente yaabwe enkazi ezaala n'etesowola mwana gwayo.
- 11 Basindika abaana baabwe abato ng'ekisibo, N'abaana baabwe bazina.
- 12 Bayimbira ku bitaasa n'ennanga, Ne basanyukira eddoozi ly'omulere.
- 13 Bamala ennaku zaabwe nga balabye omukisa, Mu kaseera ne bakka mu magombe.
- 14 Era naye ne bagamba Katonda nti Tuveeko; Kubanga tetwegomba kumanya makubogo.
- 15 Omuyinza w'ebintu byonna kye ki, ffe tumuweereze? Era bwe tunaamusabanga kinaatugasanga kitya?
- 16 Laba, omukisa gwabwe teguli mu mukono gwabwe: Okuteesa kw'ababi kundi wala.
- 17 Ettabaaza y'ababi ezikizibwa emirundi emeka? N'obuyinike bwabwe bubatuukako emirundi emeka? Katonda agaba ennaku mu busungu bwe emirundi emeka?
- 18 Baba ng'ebisasiro ebitwalibwa n'empewo, Era ng'ebisusunku embuyaga bye zitwala emirundi emeka?
- 19 Mwogera nti Katonda aterekera abaana be obutali butuukirivu bwe. Abasasule ye yennyini abumanye.
- 20 Amaaso ge galabe okuzikirira kwe ye, Era anywe ku busungu bw'Omuyinza w'ebintu byonna.
- 21 Kubanga asanyukira atya ennyumba ye emuddirira, Omuwendo gw'emyezi gye nga kukutuse wakati?
- 22 Waliwo anaayigirizanga Katonda okumanya? Kubanga asalira abo omusango abagulumizibwa.
- 23 Wabaawo omu afa ng'alina amaanyi ge gonna, Ng'aweereddeweeredde ddala ng'ateredde:
- 24 Amabeere ge gajjudde amata, N'obusomyo obw'amagumba ge nga bubisi.
- 25 N'omulala afa omwoyo gwe nga gumubalagala, So taleganga ku birungi.
- 26 Bombi bagalamira mu nfuufu, Envunyu n'ebabikkako.
- 27 Laba, mmanyi ebirowoozo byammwe, N'enkwe ze munsalira obubi.
- 28 Kubanga mwogera nti Ennyumba y'omukungu eri ludda wa? Era nti Eweema ababi mwe babeera eri ludda wa?
- 29 Temwababuza abatambulira mu kkubo? Era temumanyi bubonero bwabwe?
- 30 Ng'omuntu omubi aterekerwa olunaku olw'okulabirako ennaku? Nga batwalibwa eri olunaku olw'obusungu?
- 31 Ani anaabuuliranga ekkubo lye mu maaso ge? Era ani anaamusasulanga bye yakola?
- 32 Naye anaatwalibwanga mu ntaana, Era anaakuumanga amalaalo.
- 33 Amafunfugu ag'omu kiwonvu ganaamuwoomeranga, N'abantu bonna banaawalulwanga ennyuma we, Nga bwe baamukulembera abatabalika.
- 34 Kale nno munsanyusiza mutya obwereere, Kubanga mu kuddamu kwammwe musigaddemu obulimba busa?

Essuula 22

- 1 Awo Erifaazi Omutemani n'addamu n'ayogera nti
- 2 Omuntu ayinza okugasa Katonda? Mazima ow'amagezi yeegasa yekka.
- 3 Kiriko bwe kisanyusa Omuyinza w'ebintu byonna gwe okubeera omutuukirivu? Oba

kimugasa ggwe okutuukiriza amakubo go?

- 4 Kubanga omutya kyava akunenya, Kyava asala omusango gwo?
- 5 Obubi bwo si bungu? So n'obutali butuukirivu bwo tebuliiko gye bukoma.
- 6 Kubanga waggya ku muganda wo emisingo egy'obwereere, N'oyambula abaali obwereere ebyambalo byabwe.
- 7 Tonywesanga mazzi omukoowu, Era wamma omuyala emmere.
- 8 Naye ow'amaanyi ye yalya ensi; N'ow'ekitiibwa ye yagibeeramu.
- 9 Wasindika bannammwandu nga tebalina kintu, N'emikono gy'abatalina kitaabwe gyamenyeka.
- 10 Obukunizo kyebuva bukwetooloola, N'entiisa gy'otomanyiridde ekweraliikiriza,
- 11 Oba ekizikiza n'otoyinda kulaba, Amazzi amangi ne gakubikkako.
- 12 Katonda tali mu ggulu awagulumizibwa? Era laba emmunyeenye bwe zenkana obugulumivu!
- 13 Naawe oyogera nti Katonda amanyi ki? Ayinza okusala omusango ng'ayima mu kizikiza ekikutte?
- 14 Ebire ebiziyivu bimubikkako n'okulaba talaba; Era atambulira mu kwekulungirira kw'eggulu.
- 15 Oyagala okukwata ekkubo ery'edda Abantu ababi lye baalinyirangamu?
- 16 Abaakwakulibwa entuuko zaabwe nga tezinnabaawo, Omusingi gwabwe ne gufukibwa ng'omugga:
- 17 Abaagambanga Katonda nti Tuveeko: Era nti Omuyinza w'ebintu byonna ayinza kutukolera ki?
- 18 Naye jajjuza ennyumba zaabwe ebirungi: Naye okuteesa kw'ababi kundi wala.
- 19 Abatuukirivu bakiraba ne basanyuka; N'ataliiko musango abasekerera nnyo:
- 20 Ng'ayogera nti Mazima abo abaatugolokokerako bamaliddwawo, N'abo abafisseewo omuliro gubookezza.
- 21 Yiga nno obeere n'emirembe: Bw'otyo bw'onoobanga n'ebirungi.
- 22 Nkwegayiridde, kkiriza amateeka eri akamwa ke, Era tereka ebigambo bye mu mutima gwo.
- 23 Bw'onookomangawo eri Omuyinza w'ebintu byonna, onoozimbiwanga; Bw'onoggyangawo obutali butuukirivu okuba ewala n'eweema zo.
- 24 N'oteeka ebibyo eby'obugagga mu nfuufu, Ne zaabu eya Ofiri mu mayinja ag'omubugga;
- 25 Kale Omuyinza w'ebintu byonna ye anaabanga obugagga bwo, Era anaabanga ffeeza ya muwendo mungi gy'oli.
- 26 Kubanga lw'onoosanyukiranga Omuyinza w'ebintu byonna, Era onooyimusanga amaaso go eri Katonda.
- 27 Onoosabanga okusaba kwo eri ye, naye anaakuwuliranga; Era onoosasulanga obweyamobwo.
- 28 Era onoolagiranga ekigambo ne kinywera gy'oli; N'omusana gunaayakiranga amakubo go.
- 29 Bwe bakusuula, onooyogeranga nti Waliwo okuyimusibwa; Era anaalokolanga eyeetoowaza.
- 30 Anaawonyanga n'oyo aba taliiko musango: Weewaawo, anaawonyezebwanga olw'obulongoofu bw'engalo zo.

Essuula 23

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Ne leero okwemulugunya kwange Okukubibwa kwange kusinga okusinda kwange

obuzito.

- 3 Singa mmanyi gye nnyinza okumulabira, Singa nnyinza okutuuka n'awali entebe ye!
- 4 Nandiriraanyizza ensonga yange mu maaso ge, Ne njijuzza akamwa kange ensonga.
- 5 Nandimanye ebigambo bye yandinzizeemu, Ne ntegeera bye yandiambye.
- 6 Yandinnyombesezza olw'obukulu bw'obuyinza bwe? Nedda, naye yandinzisizzaako omwoyo.
- 7 Eyo ab'amazima bandiyinzizza okuwoza naye; Bwe nandiwonyezebbwa bwe ntyo ennaku zonna eri omulamuzi wange.
- 8 Laba, ntambula mu maaso, naye ye nga taliyo; Ne ntambula ennyuma, naye ne ssiy-inza kumulaba:
- 9 Ku mukono ogwa kkono, bw'akola omulimu, naye ne ssiy-inza kumulaba: Yeekweka ku mukono ogwa ddyo n'okulaba ne ssiy-inza kumulaba:
- 10 Naye amanyi ekkubo lye nkwatera; Bw'alimala okunkema, ndivaamu nga zaabu.
- 11 Okugulu kwange kwasimbira ddala mu bigere bye; Ekkubo lye nalikwatera ne ssikyama.
- 12 Siddanga nnyuma okuva mu kiragiro eky'emimwa gye; Natereka ebigambo eby'akamwa ke okusinga emmere yange ewanira.
- 13 Naye ye alowooza bumu, era ani ayinza okumukyusa? Era emmeeme ye kye yee-gomba ekyo ky'akola.
- 14 Kubanga atuukiriza ekyo ekyanteekerwawo: N'ebingi ebiri bwe bityo biri naye.
- 15 Kyenya neeraliikirira ye okubaawo; Bwe ndowooza mmuya.
- 16 Kubanga Katonda azirisiza omutima gwange. Era Omuyinza w'ebintu byonna ante-ganyizza:
- 17 Kubanga saazikirizibwa okusooka ekizikiza, So teyabikka ku kizikiza ekikutte eri amaaso gange.

Essuula 24

- 1 Omuyinza w'ebintu byonna kiki ekimulobera okutereka ebiro? N'abo abamumanyi kiki ekibalobera okulaba ennaku ze?
- 2 Wabaawo abajjulula obubonero bw'ensalo; Banyaga embuzi lwa maanyi ne baziriisa.
- 3 Bagoba endogoyi ey'abatalina kitaabwe, Batwala ente ya nnamwandu okuba omusingo.
- 4 Bakyamya abeetaaga mu kkubo: Abaavu ab'omu nsi beekweka wamu.
- 5 Laba, ng'entulege mu ddungu Bafulumu eri omulimu gwabwe nga banoonyeza ddala eby'okulya; Ensiko ebawa emmere ya baana baabwe.
- 6 Basala emmere ey'ensolo zaabwe mu ttale; Era banoga ezabbibu ez'omubi.
- 7 Basula ne bakeesa obudde nga tebaliiko kye bambadde, So tebaliiko kye beebikka empewo nga zifuuwa.
- 8 Batoba n'oluwandaggirize olw'oku nsozi, Era bavumbagira olwazi nga babuliddwa we beggama.
- 9 Wabaawo abakwakula abatalina kitaabwe okubaggya ku mabeere, Ne baggya omusingo ku mwavu:
- 10 N'okutambula ne batambula bwereere nga tebalina kye bambadde, Era enjala ng'ebalumye beetikka ebinywa;
- 11 Bakamulira amafuta mu bisenge by'abasajja abo; Balinya amasogolero gaabwe ne balumwa ennyonta.
- 12 Abantu basinda nga bali mu kibuga ekirimu abantu abangi, Emmeeme y'abo abafumitiddwa n'ekaaba: Naye Katonda takibala okuba obusirusiru.
- 13 Abo bali ku muwendo gw'abo abajeemera omusana; Tebamanyi makubo gaagwo, So

tebabeerera mu mpenda zaagwo.

- 14 Omussi agolokokera wamu n'omusana, atta omwavu ne yeetaaga; Era ekiro aba ng'omubbi.
- 15 Era n'eriiso ly'omwenzi lirindirira ekizikiza, Ng'ayogera nti Tewali liiso erinandaba: Ne yeefuula amaaso ge.
- 16 Mu kizikiza mwe basimira ennyumba: Beggalira emisana; Tebamanyi musana.
- 17 Kubanga obw'enkya buli ng'ekisiikirize eky'okufa eri abo bonna; Kubanga bamanyi ebitiisa eby'ekisiikirize eky'okufa.
- 18 Aba wa mbiro ng'amazzi; Omugabo gwabwe gukolimiddwa ku nsi: Takyukira awali ekkubo ery'ensuku z'emizabbibu.
- 19 Ekyeya n'ebbugumu bimalawo amazzi agava mu muzira: N'amagombe bwe gatyo gamalawo abo abayonoona.
- 20 Olubuto lunaamwerabiranga; envunyu eneemulyanga ng'ewoomeddwa; Tajjukirwenga nate: Kale obutali butuukirivu bunaamenyekanga ng'omuti.
- 21 Alya omugumba atazaala; So takola nnamwandu bulungi.
- 22 Era awalula n'ab'amaanyi olw'obuyinza bwe: Ayimuka, so tewali muntu asuubira okuba omulamu.
- 23 Katonda abawa okuba emirembe, ne beesigama okwo; N'amaaso ge gali ku makubo gaabwe.
- 24 Bagulumizibwa; ne wayitawo ebbanga ttono nga bagenze; Weewaawo, bakkakkanyizibwa, baggibwa mu kkubo ng'abalala bonna, Era basalibwa ng'emitwe gy'ebirimba by'eaano.
- 25 Era oba nga si bwe kiri kaakano, ani anannumiriza nga ndi mulimba, N'afuula okwogera kwange obutabaako kye kugasa?

Essuula 25

- 1 Awo Birudaadi Omusuki n'addamu n'ayogera nti
- 2 Okufuga n'entiisa biri naye; Aleeta emirembe mu bifo bye ebigulumivu.
- 3 Eggwe lye liriko gye likoma? Era ani ataviirwayo omusana gwe?
- 4 Kale omuntu ayinza atya okuba n'obutuukirivu eri Katonda? Oba ayinza atya okuba omulongoofu oyo azaalibwa omukazi?
- 5 Laba, n'omwezi tegulina kumasamasa, N'emmunyeenye si nnongoofu mu maaso ge:
- 6 Okusinga ennyo omuntu, envunyu! N'omwana w'omuntu, olusiriani!

Essuula 26

- 1 Awo Yobu n'addamu n'ayogera nti
- 2 Atalina buyinza ng'omubedde so! Omukono ogutalina maanyi ng'ogulokodde so!
- 3 Atalina magezi ng'omuweeredde so, N'oyatula bingi nnyo eby'okutegeera obulungi!
- 4 Ani gw'obuulidde ebigambo? N'omwoyo gwani oguwedde mu ggwe?
- 5 Abaafa bakankana wansi w'amazzi n'ababeera omwo.
- 6 Amagombe gali bwereere mu maaso ge, N'okuzikirira tekulina kye kwebikka.
- 7 Abamba obukiika obwa kkono mu bbanga ejjereere, Era awanika ensi awatali kintu.
- 8 Asiba amazzi mu bire bye ebiziyivu; Ekire ne kitayulika wansi we.
- 9 Aziba obwenyi bw'entebe ye, N'agyaliirako ekire kye.
- 10 Yassaawo embibi ku maaso g'amazzi, Okutuusa omusana n'ekizikiza we bikoma.
- 11 Empagi ez'eggulu zikankana ne zeewuunya olw'okunyenya kwe.
- 12 Afuukuula ennyanja olw'obuyinza bwe, Era afumitira ddala Lakabu olw'okutegeera kwe.

- 13 Eggulu liyonjebwa olw'omwoyo gwe; Omukono gwe gwafumita omusota oguwulukuka.
- 14 Laba, gano ge mabbali gokka ag'amakubo ge: N'akagambo ke tumuwulirako nga katono! Naye okubwatuka okw'obuyinza bwe ani ayinza okukutegeera?

Essuula 27

- 1 Awo Yobu n'aleeta nate olugero lwe n'ayogera nti
- 2 Nga Katonda bw'ali omulamu alidde ensonga yange; Era Omuyinza w'ebintu byonna, eyeeraliikiriza emmeeme yange;
- 3 (Kubanga obulamu bwange bukyali bulamba mu nze, n'omwoyo gwa Katonda guli mu nnyindo zange;)
- 4 Mazima emimwa gyange tegyogere butali butuukirivu, So n'olulimi lwange terwatule bulimba.
- 5 Katonda akiddize eri nze okubawa obutuukirivu: Okutuusa lwe ndifa ssiryegyako obugolokofu bwange.
- 6 Obutuukirivu bwange mbunyweza so ssiibutenga: Omutima gwange tegunnenyenga nga nkyali mulamu.
- 7 Omulabe wange abe ng'omubi. N'oyo angolokokerako abe ng'atali mutuukirivu.
- 8 Kubanga essuubi ly'atamanyi Katonda kye ki, newakubadde nga yeefunira amagoba, Katonda bw'aggyawo obulamu bwe?
- 9 Katonda anaawuliranga okukaaba kwe, Ennaku bwe zinaamutuukangako?
- 10 Anaasanyukiranga Omuyinza w'ebintu byonna, N'akaabira Katonda mu biro byonna?
- 11 N'abayigiriza eby'omukono gwa Katonda; Ekiri n'Omuyinza w'ebintu byonna ssi-ikikweke.
- 12 Laba, mmwe mwenna mmwe bennyini mukirabye; Kale kiki ekyabafuulira ddala abataliiko kye mugasa?
- 13 Guno gwe mugabo gw'omuntu omubi eri Katonda, N'obusika, bw'abajoozi bwe baweebwa Omuyinza w'ebintu byonna.
- 14 Abaana be bwe beeyongera, beeyongerera ekitala; N'enda ye terikkuta mmere.
- 15 Abanaasigalangawo ku ye banaaziikibwanga mu kufa, ne bannamwandu be tebaakungubagenga.
- 16 Newakubadde ng'atuuma ffeeza ng'enfuufu, n'ategeka ebyambalo ng'ettaka;
- 17 Okutegeka ayinza okubitegeka, naye omutuukirivu ye alikyambala, Era ataliiko musango ye aligabana ffeeza.
- 18 Azimba ennyumba ye ng'ekiwojjolo, Era ng'ensiisira omukuumi gy'akola.
- 19 Agalamira nga mugagga, naye taakungulwenga; Azibula amaaso, kale nga takyaliwo.
- 20 Ebitiisa bimukwata ng'amazzi; Kibuyaga amutwala kyama kiro.
- 21 Embuyaga ez'ebuvanjuba zimutwalira ddala n'agenda; Ne zimuggya mu kifo kye lwa maanyi.
- 22 Kubanga Katonda alimukasukirira n'atasaasira: Yandyagadde okudduka mu mukono gwe.
- 23 Abantu balimukubira mu ngalo, Era balimusooza ave mu kifo kye.

Essuula 28

- 1 Mazima waliwo gye basimira ffeeza, N'ekifo kya zaabu gye balongoosa.
- 2 Ekyuma kiggibwa mu ttaka, N'ekikomo bakisaanuusa okukiggya mu jjinja.
- 3 Abantu babibira ekizikiza, Ne bakenneenya okutuuka ku nsalo ekomererayo, Amayinja ag'ekizikiza ekikutte n'ag'ekisiikirize eky'okufa.

- 4 Basima obunnya obuli ewala n'abantu we batuula; Beerabirwa ekigere ekiyitawo: Balengejjera wala n'abantu, bawuubibwawuubibwa eruuyi n'eruuyi.
- 5 Ensi ye evaamu emmere: Era wansi evuunikibwa ng'ekivuunikibwa n'omuliro.
- 6 Amayinja gaayo kifo kya safiro, Era erina enfuufu eya zaabu.
- 7 Ekkubo eryo tewali mnyonyi eyigga erimanyi, So n'amaaso ga kamunyi tegalirabanga.
- 8 Ensolo ezaamalala tezirimnyangamu, So n'empologoma enkambwe teriyitangamu.
- 9 Agolola omukono gwe ku jjinja ery'embaalebaale; Avuunika ensozi okuviira ddala we zisibuka.
- 10 Atema ensalosalu mu njazi; N'amaaso ge galaba buli kintu eky'omuwendo omungi.
- 11 Asiba emigga gireme okukulukuta; N'ekigambo ekyakisibwa akireeta awalaba.
- 12 Naye amagezi ganaalabikanga wa? N'ekifo eky'okutegeera we kubeera kiri ludda wa?
- 13 Abantu tebamanyi muwendo gwago; So tegalabika mu nsi ey'abalamu.
- 14 Obuziba bwogera nti Tegali mu nze: N'ennyanja eyogera nti Tegali we ndi.
- 15 Tegafunika lwa zaabu, So ne ffeeza teripimibwa okugagula.
- 16 Tegayinzika kwenkanyankanyizibwa ne zaabu eya Ofiri, Ne onuku ey'omuwendo omungi oba safiro.
- 17 Zaabu n'endabirwamu tebiyinzira kugenkana: So n'amakula aga zaabu ennungi tegaabenga buguzi bwago.
- 18 Tebaayogerenga ku kolali n'amayinja ag'endabirwamu: Weewaawo, omuwendo ogw'amagezi gusinga amayinja amatwakaavu.
- 19 Topazi eriva e Buwesiyopya teriigenkanenga, So tegekanyankanyizibwenga ne zaabu ennungi.
- 20 Kale amagezi gava wa? N'ekifo okutegeera we kubeera kiri ludda wa?
- 21 Kubanga gakwekebwa amaaso g'abalamu bonna, Era gakisibwa ennyonyi ez'omu bbanga.
- 22 Okuzikirira n'Okufa kwogera nti Twawulira ekigambo kyago n'amatu gaffe.
- 23 Katonda ategeera ekkubo lyago, Era ye amanyi ekifo kyago.
- 24 Kubanga atunuulira okutuuka ku nkomerero z'ensi, Era alaba ebiri wansi w'eggulu lyonna;
- 25 Okukolera empewo ekigera; Weewaawo, apima amazzi n'ekipima.
- 26 Bwe yateekera enkuba etteeka, N'ekubo ery'okumyansa okw'okubwatuka:
- 27 Awo n'alyoka agalaba n'agabuulira; Yaganyweza, weewaawo, n'agakenneenyeza ddala.
- 28 Era n'agamba abantu nti Laba, okutya Mukama okwo ge magezi; N'okuleka obubi kwe kutegeera.

Essuula 29

- 1 Awo Yobu n'aleeta nate olugero lwe n'ayogera nti
- 2 Singa mbadde nga bwe nnali mu myezi egyayita, Nga bwe nnali mu nnaku Katonda ze yandabirirangamu;
- 3 Ettabaaza ye lwe yayakiranga omutwe gwange, N'omusana gwe gwe gwantambuzanga okuyita mu kizikiza;
- 4 Nga bwe nnali ennaku zange nga zengedde, Ekyama kya Katonda bwe kyabanga ku weema yange;
- 5 Omuyinza w'ebintu byonna bwe yali ng'akyali nange, N'abaana bange nga bakyanneetoolodde;
- 6 Ebigere byange bwe byanaazibwanga n'omuzigo, N'olwazi bwe lwanfuukira emigga egy'amafuta!
- 7 Bwe nnafulumanga ne enda eri omulyango mu kibuga, Bwe nategekanga entebe

yange mu luguudo,

- 8 Abalenzi bandabanga ne beekweka, Abakadde ne bayimukanga ne bayimirira;
- 9 Abakungu ne balekanga okwogera, Ne bateeka omukono gwabwe kamwa kaabwe;
- 10 Eddoboozi ery' abakulu ne lisirika, Olulimi lwabwe ne lwegatta n' ekibuno ky' akamwa kaabwe.
- 11 Kubanga okutu bwe kwampuliranga ne kulyoka kunneebaza; Era eriiso bwe lyandabanga ne liba mujulirwa wange:
- 12 Kubanga nawonyanga omwavu eyakaaba, Era n' atalina kitaawe eyabulwa ow' okumuyamba.
- 13 Omukisa gwanjijira oyo gwe yansabira eyali ayagala okuzikirira: Ne nnyimbisa olw' essanyu omutima gwa nnamwandu.
- 14 Nayambala obutuukirivu ne bumbikkako: Obutalya nsonga bwange ne buba ng' omunagiro n' engule.
- 15 Nabanga amaaso eri omuzibe, Era nabanga ebigere eri awenyera.
- 16 Nabanga kitaabwe abeetaaga: Era nakeberanga ensonga y' oyo gwe ssaamanya.
- 17 Era namenyanga atali mutuukirivu oluba, Ne nsika omuyiggo ne nguggya mu mannyo ge,
- 18 Kale ne njogera nti Ndifiira mu kisu kyange, Era naayongeranga ennaku zange ng' omusenyu:
- 19 Emmizi gyange giranze eri amazzi, N' omusulo gubeera ku ttabi lyange ne gukeesa obudde:
- 20 Ekitiibwa kyange kiggya gye ndi, N' omutege gwange guzzibwa buggya mu mukono gwange.
- 21 Nze abantu bampulirizanga ne balinda, Ne basirikira okuteesa kwange.
- 22 Nga ndeese ebigambo bo ne batayogera nate; Okwogera kwange ne kubagwako.
- 23 Era bannindirira nga bwe balindirira enkuba; Era bayasama nnyo akamwa kaabwe ng' abayasamira enkuba eya ttoggo.
- 24 Bwe nnabasekeranga ne batakkiriza; N' omusana gw' amaaso gange tebaagusuula.
- 25 Neerobozanga ekkubo lyabwe ne ntuula ng' omukulu, Ne mbeera nga kabaka mu ggye, Ng' omuntu akubagiza abakungubaga.

Essuula 30

- 1 Naye kaakano be nsinga obukulu bansekerera, Bakitaabwe nabanyooma okubateeka wamu n' embwa ez' ekisibo kyange.
- 2 Weewaawo, amaanyi ag' emikono gyabwe gandingasizza ki? Abantu abaweddemu obuvubuka,
- 3 Bakoozimbye olw' okwetaaga n' enjala; Bameketa ettaka ekkalu mu kizikiza eky' okuzika n' okwonooneka.
- 4 Banoga enkunga awali ebisaka; N' enkolo ez' omwoloola ye mmere yaabwe.
- 5 Bagobebwa wakati mu bantu; Babalangira nga bwe balangira omubbi.
- 6 Kibagwanira okubeera mu njatika ez' omu biwonvu, Mu bunnya obw' omu ttaka n' obw' omu njazi.
- 7 Balirira mu bisaka, Wansi w' emyennyango we bakuaanira.
- 8 Baana ba basirusiru, weewaawo, baana ba basajja abatalina linnya; Baakubibwa emiggo ne bagobebwa mu nsi.
- 9 Kale kaakano nze nfuuse oluyimba lwabwe, Weewaawo, ndi kigambo kya buwemu gye bali.
- 10 Bantamwa, banneesamba, Tebaleka kumpandira malusu mu maaso.
- 11 Kubanga asumuludde omugwa gwe n' ambonyaabonya, Era basudde olukoba olugoba

mu maaso gange.

- 12 Ku mukono gwange ogwa ddyo kugolokokera abalalulalu; Basindiikiriza ebigere byange, Era batuuma ku nze amakubo gaabwe ag'okuzikirira.
- 13 Boonona ekkubo lyange, Bongera ku nnaku ze ndabye, Abantu ababulwa ow'okubayamba.
- 14 Bajja nga bayita mu kituli ekiwagule ekigazi: Wakati mu matongo bangwako.
- 15 Ebitiisa bikyuse okungwako, Bayigganya ekitiibwa kyange ng'empewo; N'omukisa gwange guwedde ng'ekire.
- 16 Era kaakano emmeeme yange efukiddwa munda yange; Ennaku ez'okubonyaabonyezebwamu zinkutte.
- 17 Ekiro amagumba gange gafumitibwa mu nze, N'obubalagaze obunnuma tebuwum-mula.
- 18 Olw'amaanyi amangi ag'endwadde yange ekyambalo kyange kyoonese: Ensibira ddala ng'ekitogi ky'ekizibawo kyange.
- 19 Ansudde mu bitosi, Era nfuuse ng'enfuufu n'evvu.
- 20 Nkukaabira so tonziramumu: Nayimirira, n'ontunuulira.
- 21 Okyuse okuba omukambwe gye ndi: Olw'amaanyi ag'omukono gwo onjigganya.
- 22 Onsitulira awali empewo n'ozinneebagazaako; Era onsaanusizza mu kibuyaga,
- 23 Kubanga manyi ng'olintuusa mu kufa, N'eri ennyumba eyatekerwawo abalamu bona.
- 24 Mazima taagololere mukono gwe ku kifuavu ky'ebyagwa; Newakubadde nga bibeera mu kuzikirira kwe, omuntu ayinza okulira olw'ebyo.
- 25 Saamukaabira amaziga oyo eyali mu nnaku? Emmeeme yange teyanakuwalira oyo eyeetaaga?
- 26 Bwe nnasuubira ebirungi, ebibi ne biryoka bijja; Era bwe nnalindirira omusana, ekizikiza ne kijja.
- 27 Ebyenda byange byesera ne bitawummula: Ennaku ez'okubonyaabonyezebwamu zintuuseeko.
- 28 Ntambula nga mpuubaala awatali njuba: Nnyimirira mu kkuaanira ne nkuba enduulu bannyambe.
- 29 Ndi muganda w'ebibe, Ne bamaaya ndi munnaabwe.
- 30 Eddiba ery'omubiri gwange liddugadde, linsasambukako, N'amagumba gange gookeddwa n'ebbugumu.
- 31 Ennanga yange kyevudde ekyuka okuwuubaala, N'omulere gwange gufuuse ddoozzi ly'abo abakaaba amaziga.

Essuula 31

- 1 Nalagaana endagaano n'amaaso gange; Kale nandiyinzizza ntya okutunuulira omuwala?
- 2 Kubanga omugabo gwa Katonda oguwa waggulu kye kiki, N'obusika obw'Omuyinza w'ebintu byonna obuva engulu?
- 3 Si buyinike eri atali mutuukirivu, N'okulaba ennaku eri abakola eby'obujeemu?
- 4 Talaba makubo gange, N'abala ebigere byange byonna?
- 5 Oba nga nali ntambudde n'obutaliimu, Oba nga ekigere kyange kyanguye okuku-usakuusa;
- 6 (Mpimibwe mu minzaani eyenkanankana, Katonda alyoke amanye obutayonoona bwange;)
- 7 Oba nga ekigere kyange kyali kikyamyemye mu kkubo, N'omutima gwange oba nga gwali gugoberedde amaaso gange, Era oba nga ebbala lyonna lyali lyegasse n'engalo zange:

- 8 Kale nze nsige, omulala alye; Weewaawo, emmere ey'omu nnimiro yange esimbulibwe.
- 9 Omutima gwange oba nga gwali gusededdwa eri omukazi, Ne nteegera ku mulyango gwa munnange:
- 10 Kale mukazi wange aseere omulala, Era abalala bakutame ku ye.
- 11 Kubanga ekyo kyandibadde kya kivve; Weewaawo, kyandibadde kibi ekigwana abalamuzi okukibonereza:
- 12 Kubanga muliro ogwokya ne guzikiriza, Era ogwagala okusimbula emmere yange yonna.
- 13 Oba nga nali nnyoomye ensonga ey'omuddu wange oba omuzaana wange, Bwe bampawaabira:
- 14 Kale ndikola ntya, Katonda bw'aligolokoka? Era bw'alinjijira, ndimuddamu ntya?
- 15 Eyankola nze mu lubuto si ye yamukola ye? Eyatubumba mu lubuto fembi si omu?
- 16 Oba nga nali nnyimye abaavu kye beegomba, Oba nali mazizzaawo amaaso ga nnamwandu;
- 17 Oba nali ndidde akamere kange nzekka; So atalina kitaawe taliddeeko.
- 18 (Nedda, okuva mu buto bwange yakulira wamu nange nga kitaawe, Ne nnamwandu n'abanga mulezi we okuva mu lubuto lwa mmange;)
- 19 Oba nga nali ndabye n'omu ng'afa olw'okubulwa ebyambalo, Oba eyeetaaga nga talina kye yeebikka:
- 20 Ekiwato kye oba nga tekyanneebaza, Era oba nga tabugumye na byoya bya ndiga zange;
- 21 Oba nga nali nnyimusizza omukono gwange eri atalina kitaawe, Kubanga nalaba anannyamba mu mulyango:
- 22 Kale ekibegabega kyange kive ku nkwakwa, N'omukono gwange gukutuke okuva ku ggumba.
- 23 Kubanga obuyinike obuva eri Katonda bwabanga ntiisa gye ndi, Era olw'obukulu bwe ne ssibaako kye nnyinza kukola.
- 24 Oba nga nali nfudde zaabu okuba essuubi lyange, Era oba nga nali ambye zaabu ennungi nti Ggwe bwesige bwange;
- 25 Oba nga nali nsanyuse kubanga obugagga bwange bwali bungi, Era kubanga omukono gwange gwali gufunye bingi;
- 26 Oba nga nali ntunuulidde enjuba, Oba omwezi nga gutambulira mu kumasamasa;
- 27 Omutima gwange ne gusedebwa kyama, Akamwa kange ne kanywegera omukono gwange:
- 28 Era n'ekyo kyandibadde kibi ekigwana abalamuzi okukibonereza: Kubanga nandirimbye Katonda ali waggulu.
- 29 Oba nga nali nsanyukidde oyo eyankyawa ng'azikiridde, Oba nali neeyimusizza obubi bwe bwamulaba;
- 30 (Weewaawo, saaganya kamwa kange kwonoona Nga nsaba obulamu bwe nga nkolima;)
- 31 Abasajja ab'omu weema yange oba nga tebaayogera nti Ani ayinza okulaba omuntu atakkuse nnyama ye?
- 32 Omugenyi teyasulanga mu luguudo; Naye n'aggulirangawo enzigi zange omutambuze;
- 33 Oba nga nali mbisse ku kusobya kwange nga Adamu, Nga nkisa obutali butuukirivu bwange mu kifuba kyange;
- 34 Kubanga nali ntidde ekibiina ekinene, N'okunyoomebwa ebika ne kunkanga, N'okusirika ne nsirika ne ssiva mu mulyango.
- 35 Singa wabaddewo anampulira! (Laba, kano ke kabonero kange Omuyinza w'ebintu

byonna anziremu;) Era mba kuba n'ekyo omulabe wange ky'ampawaabidde ky'awandiise!

- 36 Mazima nandikisitulidde ku kibegabega kyange; Nandikyesibye nga kirembe.
- 37 Nandimubuulidde ebigere byange bwe byenkana omuwendo; Nandimusemberedde ng'omukungu.
- 38 Ensi yange bw'enempawaabira, N'ebibibi byayo ne bikaabira wamu amaziga;
- 39 Oba nga nali ndidde ebibala byamu awatali ffeeza, Oba nali nfiisizza bannyini yo:
- 40 Omwennyango gудde mu kifo ky'eaano. Ne ssere mu kifo kya sayiri. Ebigambo bya Yobu biwedde.

Essuula 32

- 1 Awo abasajja abo abasatu ne baleka okuddamu Yobu, kubanga yaii mutuukirivu mu maasoge ye.
- 2 Awo obusungu bwa Eriku, mutabani wa Balakeri Omubuzi, ow'omu kika kya Laamu ne bulyoka bubuubuuka eri Yobu, kubanga yeeyita mntuukirivu so si Katonda.
- 3 Era obusungu bwe ne bubuubuuka n'eri mikwano gye bonsatule kubanga tebaalaba kya kuddamu, naye ne basalira Yobu okumusinga.
- 4 Era Eriku yali alindiridde okwogera ne Yobu, kubanga waaliwo abaamusinga obukulu.
- 5 Awo Eriku bwe yalaba nga mu kamwa k'abasajja abo abasatu temuli kya kuddamu, obusungu bwe ne bubuubuuka.
- 6 Awo Eriku mutabani wa Balakeri Omubuzi n'addamu n'ayogera nti Nze ndi muto, nammwe muli bakadde nnyo; Kyennavudde nzibiikiriza ne ssaanga kubalaga kye ndowooza.
- 7 Njogedde nti Ennaku ze zandyogedde, Olufulube lw'emyaka lwandiyigirizza amagezi.
- 8 Naye waliwo omwoyo mu bantu, N'omukka gw'Omuyinza w'ebintu byonna gubawa okutegeera.
- 9 Abakulu si be bagezi, So n'abakadde si be bategeera emisango.
- 10 Kyenvudde njogera nti Mumpulire; Era nange naalaga kye ndowooza.
- 11 Laba, nnindiridde ebigambo byammwe, Mpulirizza ensonga zammwe, Nga munoonya bye muba mwogera.
- 12 Weewaawo, nteze okutu eri mmwe, Era, laba, nga tewali asinze Yobu, Newakubadde azzeemu ebigambo bye ku mmwe.
- 13 Mwekuume muleme okwogera nti Tulabye amagezi; Mpozzi Katonda ayinza okumuwangula, si bantu:
- 14 Kubanga ebigambo bye tabyolekezza nze; So ssiimuddemu na kwogera kwammwe.
- 15 Basamaaliridde, tebakyayanukula: Tebalina kigambo kya kwogera.
- 16 Nange naalindirira, kubanga teboogera, Kubanga bayimirira buyimirizi nga tebakyayanukula?
- 17 Era nange naayanukula ebyange, Era nange naalaga kye ndowooza.
- 18 Kubanga njjudde ebigambo; Omwoyo gwange oguli mu nze gumpaliriza.
- 19 Laba, olubuto lwange lulianga omwenge ogutaliiko we gufulumira; Ng'amaliba amaggya lwagala okwabika.
- 20 Naayogera ndyoke mpeereweere; Naayasama emimwa gyange ne nziramu.
- 21 Nkwegayiridde, nneme okusosola mu bantu eri omuntu yenna; So ssiwe muntu yenna mannya ganyumiikiriza.
- 22 Kubanga simanyi kuwa mannya ganyumiikiriza; Omutonzi wange yandinziyeewo mangu.

Essuula 33

- 1 Naye, Yobu, nkwegayiridde, wulira okwogera kwange, Era tega okutu kwo eri ebigambo byange byonna.
- 2 Laba nno, njasanye akamwa kange, Olulimi lwange lwogedde mu kamwa kange.
- 3 Ebigambo byange binaayatula obugolokofu bw'omutima gwange; N'emimwa gyange bye gimanyi bye ginaayogera awatali bukuusa.
- 4 Omwoyo gwa Katonda gwe gwankola, N'omukka gw'Omuyinza w'ebintu byonna gwe gumpa obulamu.
- 5 Oba, oyinza, nziraamu: Liraanya ebigambo byo mu maaso gange, oyimirire wakati.
- 6 Laba, ndi awali Katonda era nga ggwe bw'oli: Era nange nabumbibwa okuva mu ttaka.
- 7 Laba, entiisa yange teekukange, So n'okunyigiriza kwange tekuukuzitoowerere.
- 8 Mazima oyogedde nze nga mpulira, Nange mpulidde eddoozi ly'ebigambo byo ng'oyogera nti
- 9 Ndi mulongoofu nga ssiriiko kusobya; Ssiriiko musango, so mu nze temuli butali butuukirivu:
- 10 Laba, anziyako ensonga, Ampita mulabe we;
- 11 Ateeka ebigerere byange mu nvuba, Alabirira amakubo gange gonna.
- 12 Laba, naakuddamu, mu ekyo tolina nsonga; Kubanga Katonda asinga omuntu obukulu.

- 13 Kiki ekikuwakanya naye? Kubanga tabalirira muwendo gwa bigambo bye byonna.
- 14 Kubanga Katonda ayogera omulundi gumu, Weewaawo, emirundi ebiri, abantu newakubadde nga tebassaayo mwoyo.
- 15 Mu kirooto, mu kwolesebwa okw'omu kiro, Otulo otungi bwe tukwata abantu, Nga babongoota ku kitanda;
- 16 Awo n'alyoka aggula amatu g'abantu, N'ateeka akabonero ku kuyigirizibwa kwabwe,
- 17 Aggye abantu mu kuteesa kwabwe, Era akweke abantu amalala;
- 18 Aziyiza emmeeme ye okukka mu bunnya, N'obulamu bwe buleme okufa n'ekitala.
- 19 N'okulumwa kumukangavvula ku kitanda kye, N'okulwana okutamala mu magumba ge:
- 20 Obulamu bwe n'okutamwa ne butamwa emmere, N'emmeeme ye ekyokulya ekiyonjo.

- 21 Omubiri gwe gumalibwawo n'okuyinzika ne gutayinzika kulabibwa; N'amagumba ge agaali gatalabika ne gakukunala.
- 22 Weewaawo, emmeeme ye esemberera obunnya, N'obulamu bwe busemberera abazikiriza.
- 23 Oba waliwo wamu naye malayika, Omutegeeza, omu mu lukumi, Okwolesa abantu ebibagwanira;
- 24 Awo n'amukwatirwa ekisa n'ayogera nti Muwonye aleme okukka mu bunnya, Ndabye ekinunulo.
- 25 Omubiri gwe guliba muggya okusinga ogw'omwana omuto; Adda mu nnaku z'obuto bwe:
- 26 Asaba Katonda, era amukwatirwa ekisa; N'okulaba alaba amaaso ge n'essanyu: Era awa nate omuntu obutuukirivu bwe.
- 27 Ayimbira mu maaso g'abantu n'ayogera nti Nnyonoonye ne nnyoola ekyo ekyali ekirungi, So ssiriiko kye nnagasibwa:
- 28 Anunudde emmeeme yange obutakka mu bunnya. N'obulamu bwange bunaatunuuliranga omusana.
- 29 Laba, ebyo byonna Katonda abikola, Emirundi ebiri, weewaawo, n'esatu eri omuntu,

- 30 Okukomyawo emmeeme ye mu bunny, Ayakirwe omusana ogw' abalamu.
- 31 Weetegereze nnyo, ai Yobu, ompulire: Sirika, nange naayogera.
- 32 Oba nga olina eky'okwogera nziraamu: Yogera, kubanga njagala okukufuula omutuukirivu.
- 33 Oba nga si weewaawo, mpulira: Sirika, nange naakuyigiriza amagezi.

Essuula 34

- 1 Era nate Eriku n'addamu n'ayogera nti
- 2 Muwulire ebigambo byange, mmwe abasajja ab'amagezi; Era mutege okutu gye ndi, mmwe abalina okutegeera.
- 3 Kubanga okutu kukema ebigambo, Ng'amatama bwe galega ku mmere.
- 4 Twerondere ekyo ekinaaba eky'ensonga: Tumanye fekka na fekka ebirungi bwe biri.
- 5 Kubanga Yobu ayogedde nti Nze ndi mutuuikirivu, Era nti Katonda anziyeeko ensonga yange:
- 6 Newakubadde nga nnina ensonga mpitibwa mulimba; Ekiwundu kyange tekiwonyezeka, newakubadde nga ssiriiko kusobya.
- 7 Muntu ki afaanana Yobu, Anywa okunyoomebwa ng'amazzi?
- 8 Atambulira awamu n'abakola ebitali bya butuukirivu, Era atambulira awamu n'abasajja ababi.
- 9 Kubanga ayogedde nti Omuntu tekiriiko kye kimugasa Okusanyukira Katonda.
- 10 Kale mumpulire, mmwe abasajja abalina okutegeera: Kiddire eri awali Katonda, ye okukola obubi; N'awali Omuyinza w'ebintu byonna, ye okukola ebitali bya butuukirivu.
- 11 Kubanga alisasula omuntu omulimu gwe, Era alirabya buli muntu ng'amakubo ge bwe gali.
- 12 Weewaawo, mazima Katonda taakolenga bubi, So n'Omuyinza w'ebintu byonna taalyenga nsonga.
- 13 Ani eyamuteresi ensi okugikuuma? Oba ani eyateekateeka ebintu byonna bwe byenkana?
- 14 Bw'ateeka omutima gwe ku bantu, Bw'akuaanyiza gy'ali omwoyo gwe n'omukka gwe;
- 15 Byonna ebirina omubiri birizikiririra wamu, Abantu ne badda mu nfuufu.
- 16 Kale oba olina okutegeera, wulira kino: Wulira eddoboosi ly'ebigambo byange.
- 17 Akyawa eby'ensonga oyo alifuga? Era onoosalira oyo omutuukirivu era ow'amaanyi okumusinga?
- 18 Kirungi okugamba kabaka nti Ggwe oli mugwagwa? Oba abakungu nti Mmwe muli babi?
- 19 Okusinga ennyo si kirungi okugamba oyo atalya maaso ga balangira, So talowooza mugagga okusinga omwavu? Kubanga bonna mulimu gwa mikono gye.
- 20 Bafa mu kaseera akatono, mu ttuntu; Abantu bakankanyizibwa ne bayitawo, N'ab'amaanyi baggibwawo awatali mukono.
- 21 Kubanga amaaso ge gatunuulira amakubo ag'omuntu, Era alaba okutambula kwe kwonna.
- 22 Tewali kizikiza newakubadde ekisiikirize eky'okufa, Abakola ebitali bya butuukirivu we bayinza okwekweka.
- 23 Kubanga teyeetaaga kweyongera kulowooza omuntu, Atuuke mu maaso ga Katonda okusalirwa omusango.
- 24 Amenyamanya abasajja ab'amaanyi mu ngeri eteenonyezeka, Era assaawo abalala mu kifo kyabwe.

- 25 Kyava alabirira emirimu gyabwe; Era abavuunika kiro n'okuzikirizibwa ne bazikirizibwa.
- 26 Abakuba ng'ababi Mu maaso g'abalala aweeru;
- 27 Kubanga bakyama obutamugoberera, So tebayagala kussaayo mwoyo eri amakubo ge gona:
- 28 N'okutuusa ne batuusa gy'ali okukaaba kw'omwavu, N'awulira okukaaba kw'abo ababonyaabonyezebwa.
- 29 Ye bw'awa okutereera, kale ani ayinza okusala omusango okusinga? Era ye bw'akweka amaaso ge, kale ani ayinza okumutunuulira? Oba nga ggwanga oba nga muntu, kyonna bwe bumu:
- 30 Omusajja atamanyi Katonda alemenga okufuga, Walemenga okubaawo anaateega abantu.
- 31 Kubanga waliwo eyali agambye Katonda, nti Mbonerezebwa, sikyasobya nate:
- 32 Kye ssiraba kinjigirize: Oba nga nkoze obujeemu ssikyabukola nate?
- 33 Empeera ye eriba nga ggwe bw'oyagala n'okugaana n'ogigaana? Kubanga ggwe oba weeroboza so si nze: Kale yogera ekyo ky'omanyi.
- 34 Abantu abalina okutegeera baligamba nti Weewaawo, buli muntu ow'amagezi ampulira, anaamba nti
- 35 Yobu ayogera nga talina kumanya, N'ebigambo bye tebiriimu magezi,
- 36 Yobu singa akemeddwa okutuusa enkomerero, Kubanga ayanukula ng'abantu ababi.
- 37 Kubanga ayongerera obujeemu ku kwonoona kwe, Akuba mu ngalo ze ng'ayima wakati mu ffe, Era ayongerayongerera ebigambo bye okuwakanya Katonda.

Essuula 35

- 1 Era nate Eriku n'addamu n'ayogera nti
- 2 Olowooza ekigambo ekyo ye nsonga yo, Oba oyogera nti Obutuukirivu bwange businga obwa Katonda?
- 3 N'okwogera n'oyogera nti Kirikugasa ki? Era nti Ndifuna magoba ki ge ndiba nago okukira ge nrandifunye singa nayonoona?
- 4 Nze nnaakuddamu, Ne banno wamu naawe.
- 5 Tunuulira eggulu olabe; Era ttunuulira eggulu erikusinga obugulumivu.
- 6 Oba nga oyonoonye omukola ki? Okusobya kwo bwe kweyongerayongerera, omukola ki?
- 7 Bw'oba n'obutuukirivu, omuwa ki? Oba aweebwa ki mu mukono gwo?
- 8 Obubi bwo buyinza okulumya omuntu nga ggwe bw'oli; N'obutuukirivu bwo buyinza okugasa omwana w'omuntu.
- 9 Olw'okujoogebwa okungi ennyo bakaaba; Bakuba enduulu bayambibwe olw'omukono ogw'ab'amaanyi.
- 10 Naye tewali ayogera nti Katonda Omutonzi wange ali ludda wa, Awa ennyimba ekiro;
- 11 Atuyigiriza okusinga ensolo ez'oku nsi, Era atuwa amagezi okukira ennyonyi ez'omu bbanga?
- 12 Bakaabira eyo, naye tewali addamu, Olw'amalala ag'abantu ababi.
- 13 Mazima Katonda taawulire bigambo ebitaliimu, So n'Omuyinza w'ebintu byonna tasseeyo mwoyo.
- 14 Kale aliwulira atya bw'oyogera nti tomulaba, Ensonga eri mu maaso ge, naawe omulindirira?
- 15 Naye kaakano kubanga tabonerezza na busungu bwe, So tassaayo nnyo omwoyo eri esukuti;
- 16 Yobu kyava ayasama akamwa ke okwogera ebigambo ebitaliimu; Ayongerayongerera

ebigambo awatali kumanya.

Essuula 36

- 1 Era nate Eriku ne yeeyongera n'ayogera nti
- 2 Sooka ondeke, nange naakunnonnyola; Kubanga nkyaliko kye njagala okwogera ku lwa Katonda.
- 3 Naggya wala okumanya kwange, Era naamussaako obutuukirivu Omutonzi wange.
- 4 Kubanga mazima ebigambo byange si bya bulimba: Omuntu eyatuukirira mu kumanya ali naawe.
- 5 Laba, Katonda wa maanyi, so tanyooma mnntu yenna: Wa maanyi mu buyinza obw'okutegeera.
- 6 Takuuma bulamu bw'ababi: Naye abawa ababonyaabonyezebwa ebyabwe.
- 7 Taggya maaso ge ku batuukirivu Naye awali bakabaka ku ntebe Gy'abateeka emirembe gyonna ne bagulumizibwa.
- 8 Era bwe baba nga basibiddwa n'amasamba, Era nga bakwasibwa n'emigwa egy'okubonyabonyezebwa;
- 9 Kale n'abalaga omulimu gwabwe, N'okusobya kwabwe nga bagize eby'amalala.
- 10 Era aggulawo okutu kwabwe okuwulira okuyigirizibwa, N'abalagira bakomewo okuva mu butali butuukirivu.
- 11 Bwe bawulira ne bamuweereza, Banaamalanga ennaku zaabwe nga balabye omukisa, N'emyaka gyabwe nga basanyuka.
- 12 Naye bwe batawulira banaazikiriranga n'ekitala, Era banaafanga awatali kumanya.
- 13 Naye abo abatamanyi Katonda mu mutima batereka obusungu: Tebakuba nduulu bayambwe bw'abasiba.
- 14 Bafa nga bakyali bato, N'obulamu bwabwe buzikirira mu abo abatali balongoofu.
- 15 Awonya oyo abonyabonyezebwa olw'okubonyabonyezebwa kwe, Era aggula okutu kwabwe bwe bajoogebwa.
- 16 Weewaawo, yandikuggye mu kulaba ennaku N'akuyingiza mu kifo ekigazi awatali kunyigirizibwa; N'ekyo ekiteekebwa ku mmeeza yo kyandijjudde obugimu.
- 17 Naye ggwe ojjudde omusango gw'omubi: Omusango n'okusala eby'ensonga bikukwata.
- 18 Kubanga waliwo obusungu, weekuume oleme okutwalibwa n'obugagga So enguzi tekukyamyanga kubanga nnene.
- 19 Obugagga bwo bunaamala oleme okulaba ennaku, Oba obuyinza bwonna obw'amaanyi go?
- 20 Teweegomba kiro, Amawanga bwe gazikirizibwa mu kifo kyago.
- 21 Weekuume oleme okutunuulira obutali butuukirivu: Kubanga weerobozezza obwo okusinga okubonyabonyezebwa.
- 22 Laba, Katonda akola ebifulumivu mu buyinza bwe: Ani omuyigiriza afaanana ye?
- 23 Ani eyali amulagidde ekkubo lye? Oba ani ayinza okwogera nti Okoze ebitali bya butuukirivu?
- 24 Jjukira okugulumizanga omulimu gwe, Abantu gwe baayimbangako.
- 25 Abantu bonna baagutunuulira; Abantu baagulengera nga bayima wala.
- 26 Laba, Katonda mukulu, naffe tetumumanyi; Omuwendo gw'emyaka gye tegunoonyezeka.
- 27 Kubanga awalula waggulu amatondo g'amazzi, Agatonnya enkuba eva mu mukka gwe:
- 28 Eggulu ge liyiwa Ne ligatonnya ku bantu mangi nnyo.
- 29 Weewaawo, waliwo ayinza okutegeera ebire bwe bibambibwa, Okubwatuuka

okw'omu weema ye?

- 30 Laba, yeeyaliirira omusana gwe okwetooloola; Era asaanikira ku nnyanja wansi.
- 31 Kubanga olw'ebyo asala emisango gy'amawanga; Agaba emmere nnyingi nnyo.
- 32 Abikka engalo ze n'enjota; Era aziragira zikube sabbaawa.
- 33 Eddoboozi lyazo linnyonnyola ebigambo bye, Era libuulira n'ente kibuyaga ayam-buka.

Essuula 37

- 1 Era n'ekyo kikankanya omutima gwange, Ne gunyeenyezebwa okuva mu kifo kyagwo.
- 2 Muwulire okuwuuma kw'eddoboozi lye, N'okududuma okuva mu kamwa ke.
- 3 Akusindika wansi w'eggulu lyonna, N'okumyansa kwe kubuna enkomerero z'ensi.
- 4 Oluvannyuma lwakwo eddoboozi ne liwuluguma; Abwaluka n'eddoboozi ery'obukulu bwe: So tabiziyiza eddoboozi lye bwe liwulirwa.
- 5 Katonda abwatuka kitalo n'eddoboozi lye; Akola ebikulu bye tutayinza kutegeera.
- 6 Kubanga agamba omuzira nti Gwa ku nsi; Era bw'atyo bw'agamba oluwandaggirize, N'empandaggirize ez'enkuba ye ey'amaanyi.
- 7 Assa akabonero ku mukono gwa buli muntu; Abantu bonna be yatonda balyoke baki-manye.
- 8 Awo ensolo ne zigenda mu bwekwekero, Ne zibeera mu mpuku zaazo,
- 9 Mu kisenge eky'obukiika obwa ddyo mwe muva omuyaga: Empewo ne ziva mu bukiika obwa kkono.
- 10 Omukka gwa Katonda gwe guleeta omuzira: N'amazzi bwe genkana obugazi ne gakwata.
- 11 Weewaawo, ajjuza ekire ekiziyivu amazzi; Abamba ekire eky'enjota ze:
- 12 Era okuluamya kwe kwe kukikyusakyusa eruuyi n'eruyi, Bikolenga byonna by'abiragira Kungulu ku nsi yonna okubeereka:
- 13 Oba nga kya kubuulirira, oba nga kya nsi ye, Oba nga kya kusaasira, kyava akireeta.
- 14 Ekyo kiwulire, ggwe Yobu: Yimirira buyimirizi, olowooze ebikolwa bya Katonda eby'ekitalo.
- 15 Omanyi Katonda bw'abikuutira, N'ayasa enjota ez'omu kire kye?
- 16 Omanyi okuterezebwa kw'ebire, Ebikolwa eby'ekitalo eby'oyo eyatuukirira mu kumanya?
- 17 Ebyambalo byo bwe bibuguma, Ensi ng'esirise olw'embuyaga ez'obukiika obwa ddyo?
- 18 Oyinda okubambira eggulu awamu naye, Amaanyi gaalyo genkana endabirwamu ensaanuuse?
- 19 Tuyigirize bye tuba tumugamba; Kubanga tetuyinza kuliraanya kwogera kwaffe olw'ekizikiza.
- 20 Anaabuulirwa nga njagala okwogera? Oba omuntu yandyagadde okumirwa?
- 21 Era kaakano abantu tebalaba musana ogumasamasa mu ggulu: Naye embuyaga ne ziyita ne ziryerula.
- 22 Mu bukiika obwa kkono mwe muva okuyakaayakana okuli nga zaabu: Katonda ayam-badde ekitiibwa ekikanga.
- 23 Omuyinza w'ebintu byonna tetuyinza kumunoonya; asinga bonna obuyinza: Era mu musango ne mu butuukirivu obusukkirivu talibonyabonya.
- 24 Abantu kyebava bamutya: abassaako omwoyo abo bonna abalina emitima egy'amagezi.

Essuula 38

- 1 Awo Mukama n'alyoka addamu Yobu ng'ayima mu mbuyaga ez'akazimu n'ayogera nti
- 2 Ani ono aleeta akizikiza mu kuteesa N'ebigambo ebitaliimu kumanya?
- 3 Kale nno weesibe ekimyu ng'omusajja; Kubanga naakubuuza, naawe onziremu.
- 4 Wali oli ludda wa bwe nnassaawo emisingi gy'ensi? Yatula oba olina okutegeera.
- 5 Ani eyateesa ebigerera byayo, oba nga omanyi? Oba ani eyagireegera omugwa?
- 6 Emisingi gyayo gyasibirwa ku ki? Oba ani eyassaawo ejjinja lyayo ekkulu ery'oku nsonda;
- 7 Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, N'abaana ba Katonda bonna ne boogerera waggulu olw'essanyu?
- 8 Oba ani eyasiba ennyanja n'enzigi, Bwe yawaguza ng'ekiva mu lubuto;
- 9 Bwe nnafula ekire okuba ekyambalo kyayo, N'ekizikiza ekikutte okuba ebiwero eby'okubikka,
- 10 Bwe nnagiragira etteeka lyange, Ne nzisaawo ebisiba n'enzigi,
- 11 Ne njogera nti Wano w'okomanga so tosukkangawo; Era wano amayengo go ag'amalala we gaziwirizibwanga?
- 12 Wali olagidde enkya ennaku zo kasookedde zibaawo, Wali omanyisizza emmambya ekifo kyayo;
- 13 Ekwate enkomerero z'ensi, Era ababi bakunkumulwe okugivaamu?
- 14 Ewaanyisibwa ng'ebbumba wansi w'akabonero; N'ebintu byonna bikukunuka ng'ekyambalo:
- 15 N'ababi omusana gwabwe gubaggibwako, N'omukono ogugulumizibwa gumenyeka.
- 16 Wali oyingidde mu nsulo ez'ennyanja? Oba wali otambudde mu madubi ag'obuziba?
- 17 Enzigi ez'okufa zaali zikubikkuliddwa? Oba wali olabye enzigi ez'ekisiikirize eky'okufa?
- 18 Wali otegedde ensi bw'eri engazi? Yatula, oba nga obimanyi byonna.
- 19 Ekkubo liri ludda wa eridda mu nnyumba ey'omusana, N'ekizikiza ekifo kyakyo kiri ludda wa;
- 20 Ggwe okukiwerekera ku mbibi yaakyo? Era otegeere okutuuka ku nnyumba yaakyo?
- 21 Omanyi, kubanga wali ozaaliddwa mu biro ebyo; N'omuwendo gw'ennaku zo mungi!
- 22 Wali oyingidde mu mawanika g'amazzi amakwafu, Oba wali olabye amawanika ag'omuzira,
- 23 Ge nmaterekera ebiro eby'okulabiramu ennaku, Olunaku olw'olutalo n'obulwa?
- 24 Mu kkubo ki omusana mwe gwawukanira, Oba embuyaga ez'ebuvanjoba mwe zisaasaanira ku nsi?
- 25 Ani eyasalira amataba olusalosalu, Oba ekkubo ery'enjota ez'okubwatuka;
- 26 Okutonnyesa enkuba ku nsi okutali muntu; Mu ddungu omutali muntu n'omu;
- 27 Okukkusa ettaka eryazika eryalekebwa; N'okulosa omuddo omuto?
- 28 Enkuba erina kitaawe waayo? Oba ani eyazaala amatondo ag'omusulo?
- 29 Mu lubuto lw'ani omwava amazzi amakwafu? N'omusulo omukwafu omweru ogw'omu ggulu ani eyaguzaala?
- 30 Amazzi gakwekebwa nga gakwekeddwa n'amayinja. Ne kungulu ku buziba nga kukutte.
- 31 Oyinsa okusiba ekikuukuulu kya Kakaaga, Oba okusumulula olukoba lw'Entungalu-goye?
- 32 Oyinsa okufulumya emmunyeenye mu ntuuko zaazo? Oba oyinza okuluamya Nabaliyo n'abaana be?
- 33 Omanyi ebiragiro eby'omu ggulu? Oyinsa okunyweza okufuga kwalyo mu nsi?

- 34 Oyinza okuyimusa eddoboosi lyo eri ebire, Amazzi amangi ennyo gakubikkeko?
- 35 Oyinza okuweereza enjota zitambule, Ne zikugamba nti Ffe tuutuno?
- 36 Ani eyateeka amagezi mu bitundu eby'omunda? Oba ani eyawa emmeeme okutegeera?
- 37 Ani ayinza okubala ebire olw'amagezi? Oba ani ayinza okuttulula amaliba ag'omu ggulu,
- 38 Enfuufu bw'ekulukuta n'eba effunfugu, Amafunfugu ne geegattira ddala?
- 39 Onooyiggira empologoma enkazi omuyiggo? Oba onokkusa okwegomba kw'abaana b'empologoma,
- 40 Bwe zisula mu mpuku zaazo, Ne zibeera mu bisaka okuteega?
- 41 Ani alabira namuona emmere ye, Abaana be bwe bakaabira Katonda, Ne batambu-latambula olw'okubulwa ebyokulya?

Essuula 39

- 1 Omanyi ebiro embulabuzi ez'oku njazi mwe zizaalira? Oba oyinza okutegeera empeewo bwe ziba n'amawako?
- 2 Oyinza okubala emyezi gye zimala? Oba omanyi ebiro mwe zizaalira?
- 3 Zikutama, zizaala abaana baazo, Zeggyamu obubalagaze bwazo.
- 4 Abaana baazo bagejja, bakulira ebweru ku ttale; Bafulumu ne batadda.
- 5 Ani eyata entulege okuba ey'eddembe? Oba ani eyasumulula enkoba ez'entulege?
- 6 Nafuula ensiko okuba ennyumba yaayo, N'ensi ey'omunnya okuba ekifo w'ebeera.
- 7 Enyooma oluyoogaano olw'omu kibuga, So tewulira kulekaana kwa mugobi.
- 8 Ensozi bwe zenkana obugazi lye ddundiro lyayo, Era enoonya buli kintu ekibisi.
- 9 Embogo enekkirizanga okukuweereza? Oba eneebeeranga awali ekisibo kyo?
- 10 Oyinza okusiba embogo n'olukoba lwayo ku kibibi? Oba eneerimanga ebiwonvu ng'ekuvaako ennyuma?
- 11 Onoogyesiganga kubanga amaanyi gaayo mangi? Oba onoogirekeranga omulimu gwo?
- 12 Onoogyesiganga okukomyawo ewuwo ensigo zo, N'okukuaanyanga eaano ey'omu gguuliro lyo?
- 13 Ekiwaawaatiro kya maaya kisanyuka; Naye ebiwaawaatiro bye n'ebyoya birina ekisa?
- 14 Kubanga aleka amagi ge ku ttaka, N'egabugumya mu musenyu,
- 15 Ne yeerabira ng'ekigere kiyinza okugabetenta, Oba ensolo ey'omu nsiko eyinza okugalinyirira.
- 16 Akakanyalira abaana be ng'abatali babe: Newakubadde ng'ateganira bwereere talina kutya;
- 17 Kubanga Katonda yamuggyako amagezi, So tamuwadde kutegeera.
- 18 Bw'aba nga yeegulumizizza, Anyooma embalaasi n'oyo agyebagala.
- 19 Wawa embalaasi amaanyi gaayo? Wayambaza obulago bwayo n'olugiirima olukankana?
- 20 Wagibuusa ng'enzige? Ekitiibwa ky'okufugula kwayo kya ntiisa.
- 21 Etakulira mu kiwonvu, n'esanyukira amaanyi gaayo: Efuluma okusisinkana n'abasajja abakutte ebyokulwanyisa.
- 22 Esekerera okutya so tekeentererwa; so tedda nnyuma awali ekitala.
- 23 Omufuko guwulungutira ku yo, Effumu erimasamasa n'akasaale.
- 24 Emira ettaka n'obusungu n'ekiryu; So tekkiriza nga lye ddoobozi ery'ekkondeere.
- 25 Ekkondeere buli lwe livuga, n'eyogera nti Bw'otyoo N'ekonga olutalo nga lukyali wala, Okubwatuka kw'abaami n'okuleekaana.
- 26 Magga atumbiira na magezi go, N'abamba abiwaawaatiro bye eri obukiika obwa

ddyo?

- 27 Empungu erinnya na kiragiyo kyo, N'ekola ekisu kyayo waggulu?
- 28 Ebeera ku jjinja, n'ennyumba yaayo eri okwo, Ku linnyo ly'ejjinja n'ekifo eky'amaanyi.
- 29 Erengera omuyiggo ng'eyima okwo; Amaaso gaayo gagulaba nga guli wala.
- 30 Era n'abaana baayo banuuna omusaayi: Era awaba emirambo, gy'ebeera eyo.

Essuula 40

- 1 Era nate Mukama n'addamu Yobu n'ayogera nti
- 2 Aleeta ensonga ezitaliimu anaayombesa Omuyinza w'ebintu byonna? Awakanya Katonda akiwoze.
- 3 Awo Yobu n'alyoka addamu Mukama n'ayogera nti
- 4 Laba, siriimu ka buntu; n'akuddamu ntya? Nteeka omukono gwange ku kamwa kange.
- 5 Njogedde omulundi gumu, so ssidemu; Weewaawo, emirundi ebiri, naye sseeyongere nate.
- 6 Awo Mukama n'addamu Yobu ng'ayima mu mbuyaga ez'akazimu n'ayogera nti
- 7 Weesibe nno ekimyu ng'omusajja: Naakubuuza, naawe onziremu.
- 8 N'okujjulula onojjulula omusango gwe nsala? Ggwe ononsalira nze omusango obeere n'obutuukirivu?
- 9 Oba olina omukono nga Katonda? Era oyinza okubwatuka n'eddoboozi erifaanana erirye?
- 10 Weeyonje nno n'okuwoma n'okutiibwa; Yambala ekitiibwa n'obukulu.
- 11 Fuka obusungu bwo okusukkiridde: Otunuulire buli muntu ow'amalala omujeeze.
- 12 Tunuulira buli muntu ow'amalala omukkakkanye; Olinnyirire ababi we bayimirira.
- 13 Bakise wamu mu nfuufu; Siba amaaso gaabwe mu kifo ekikisibwa.
- 14 Kale nange ne ndyoka nzikiriza ku ggwe Ng'omukono gwo gwe guyinza okukulokola.
- 15 Laba nno envubu gye nnatondera awamu naawe; Erya omuddo ng'ente.
- 16 Laba nno amaanyi gaayo gali mu kiwato kyayo, N'amawaggali gaayo gali mu binywa eby'omu lubuto lwayo.
- 17 Yeesagga omukira ng'omuvule: Ebinywa eby'omu kiwato kyayo byegatta wamu.
- 18 Amagumba gaayo galianga enseke ez'ebikomo; Amagulu gaayo galianga ebyuma ebisiba.
- 19 Ye ekulira amakubo ga Katonda: Ye yekka eyagitonda ayinza okugisembereza ekitala kye.
- 20 Mazima ensozi zigizaalira ebyokulya; Ensolo zonna ez'omu nsiko we zizannyira.
- 21 Egalamira wansi w'ebisiikirize by'emitu, Mu bwekwekero obw'omu ndago ne mu bitosi.
- 22 Ebisiikirize by'emitu bigibikkako; Emyerebu egy'omu bugga gigyetooloola.
- 23 Laba, omugga bwe gwanjaala, tekankana: Eguma omwoyo Yoludaani newakubadde nga gujjula ne gutuuka ku kamwa kaayo.
- 24 Waliwo anaagikwata bw'eba ng'etunula, Oba anaawummula ennyindo zaayo n'ekyambika?

Essuula 41

- 1 Oyinza okuggyangamu egoonya n'eddobo? Oba okunyigirizanga olulimi lwayo n'omugwa?

- 2 Oyinza okuyingizanga omugwa mu nnyindo zaayo? Oba okuwummulanga oluba lwayo n'eddo?
- 3 Eneekwegayiriranga ebigambo bingi? Oba eneekugambanga ebigambo ebigonvu?
- 4 Eneeragaananga endagaano naawe, Ogitwalenga okuba omuddu emirembe gyonna?
- 5 Onoozannyanga nayo nga bw'ozannya n'ennyonyi? Oba onoogisibiranga abawala bo?
- 6 Ebibiina eby'abavubi binaagifuulanga obuguzi? Banaagigabaniranga mu basuubuzi?
- 7 Oyinza okujjuzanga eddiba lyayo ebyuma ebiriko amalobo, Oba omutwe gwayo emiwunda egiswaga ebyennyanja?
- 8 Giteekeko omukono gwo; Jjukira olutalo olemenga okweyongera okukola bw'otyo.
- 9 Laba, essuubi lyayo lya bwereere: Omuntu taakeentererwenga bw'agiraba obulabi?
- 10 Tewali mukambwe bw'atyo n'okwaanga n'ayaanga okugisaggula: Kale aluwa oyo ayinza okuyimirira mu maaso gange?
- 11 Ani eyasooka okumpa, nze mmusasule? Byonna ebiri wansi w'eggulu lyonna byange.
- 12 Siisirike olw'amagulu gaayo, Newakubadde amaanyi gaayo amangi, newakubadde okugattibwa kwayo okulungi.
- 13 Ani ayinza okugyambula ekyambalo kyayo eky'okungulu? Ani anaatuuka munda w'enkoba zaayo ebbiri?
- 14 Ani ayinza okuggulawo enzigi ez'amaaso gaayo? Entiisa yeetoolodde amannyo gaayo.
- 15 Amagamba gaayo ag'amaanyi ge malala gaayo, Nga gasibaganye ng'akabonero bwe kanyweza.
- 16 Erimu lyegatta n'ery'okubiri bwe lityo N'okuyinza empewo ne zitayinza kuyita wakati waago.
- 17 Geegasse gokka na gokka; Gakwatagana ne gatayinzika kwawulibwa.
- 18 Okwasimula kwayo kumyansaamu omusana, N'amaaso gaayo gafaanana ebikowe eby'enkyia.
- 19 Mu kamwa kaayo muva emimuli egyaka, N'ensasi ez'omuliro zibuuka okuvaamu.
- 20 Mu nnyindo zaayo muva omukka, Ng'ogw'entamu etokota n'ogw'ebitoogo ebiggya.
- 21 Omukka gwayo gwaswa amanda, Era omuliro guva mu kamwa kaayo.
- 22 Mu nsingo yaayo mubeera amaanyi, N'entiisa ezinira mu maaso gaayo.
- 23 Emiwula gy'ennyama yaayo gyegasse: Ginywerera ku yo: tegiyinza kusagaasagana.
- 24 Omutima gwayo guguma ng'ejjinja; Weewaawo, guguma ng'olubengo.
- 25 Bw'eyimuka ab'amaanyi batya: Olw'okwekanga nga baliko eddalu.
- 26 Bwe bagisimbako ekitala, tekiriiko kye kiyinza kukola; Newakubadde effumu newakubadde omuwunda newakubadde akasaale akasongovu.
- 27 Ebyuma ebiyita bisasiro, N'ebikomo miti mivundu.
- 28 Akasaale tekayinza kugiddusa: Amayinja agavuumuulibwa gafuuka ebite eri yo.
- 29 Endoddo ziyitibwa ng'ebite: Esekerera okuwulukuka kw'akasaale.
- 30 Ebitundu byayo ebya wansi birianga engyo eziriko obwogi: Eteeka ng'eggaali ewuula ku bitosi.
- 31 Etokosa ennyanja ng'entamu: Efaananya ennyanja amafuta.
- 32 Emasamasisa ekkubo ennyuma waayo; Obuziba wandibulowoozezza okuba n'envi.
- 33 Tewali ekigyenkana ku nsi, Ekolebwa obutabaamu kutya.
- 34 Etunuulira buli kintu ekigulumivu: Ye kabaka w'abaana bonna ab'amalala.

Essuula 42

- 1 Awo Yobu n'addamu Mukama n'ayogera nti
- 2 Mmanyi nga ggwe oyinza byonna, Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiziyizika.
- 3 Ani ono akisa okuteesa awatali kumanya? Kyennavudde njatula ebyo bye ssaategedde,

Ebigambo eby'ekitalo ebyannemye bye ssaamanye.

- 4 Nkwegayiridde, wulira, nange ka njogere; Naakubuuza, naawe onziremu.
- 5 Nali nkuwuliddeko n'okuwulira kw'okutu; Naye kaakano eriiso lyange likulaba,
- 6 Kyenvudde neetamwa ne nneenya Mu nfuufu n'evvu.
- 7 Awo olwatuuka Mukama bwe yamala okugamba Yobu ebigambo ebyo, Mukama n'agamba Erifaazi Omutemani nti Obusungu bwange bukubuubukidde ggwe ne banno bombi: kubanga temunjogeddeko ekigambo ekirina ensonga, ng'omuddu wange Yobu bw'ayogedde.
- 8 Kale nno mwetwalire ente ennume musanvu n'endiga ennume musanvu, mugende eri omuddu wange Yobu, muweeyo ekiweebwayo ekyokebwa; era omuddu wange Yobu anaabasabira; kubanga oyo gwe nnakkiriza nneme okubakola ng'obusirusiru bwammwe bwe buli; kubanga temunjogeddeko kigambo ekirina ensonga ng'omuddu wange Yobu bw'ayogedde:
- 9 Awo Erifaazi Omutemani ne Birudaadi Omusuki ne Zofali Omunaamasi ne bagenda ne bakola nga Mukama bw'abalagidde: kale Mukama n'akkiriza Yobu.
- 10 Awo Mukama n'akyusa obusibe bwa Yobu, bwe yasabira mikwano gye: Mukama n'awa Yobu okusinga emirundi ebiri ebyo bye yalina olubereberye.
- 11 Awo baganda be bonna ne bajja gy'ali ne bannyina bonna n'abo bonna be yamanya-gananga nabo olubereberye, ne baliira emmere wamu naye mu nnyumba ye: ne bamukaabira ne bamukubagiza olw'obubi bwonna Mukama bwe yamuleetako: era buli muntu n'amuwa ekitundu ekya ffeeza, na buli muntu empeta eya zaabu.
- 12 Awo Mukama n'awa omukisa enkomerero ya Yobu okukira entandikwa ye: n'aba n'endiga kakumi mu enkumi nnya, n'eamira kakaaga, n'emigogo gy'ente lukumi n'endogoyi enkazi lukumi.
- 13 Era yalina abaana ab'obulenzi musanvu n'ab'obuwala basatu.
- 14 N'ow'olubereberye n'amutuuma erinnya Yemima; n'ow'okubiri erinnya lye Keeziya; n'ow'okusatu erinnya lye Kerenukappuki.
- 15 Awo mu nsi yonna ne watalabika abakazi abalungi okwenkana abawala ba Yobu: kitaabwe n'abawa obusika mu baganda baabwe.
- 16 Awo oluvannyuma lw'ebyo Yobu n'awangaala emyaka kikumi mu ana, n'alaba bata-bani be n'abaana ba batabani be, bannakasatwe.
- 17 Awo Yobu n'afa nga mukadde ng'awezezza ennaku nnyingi.

Zabbuli

Essuula 1

- 1 Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi, Newakubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi, Newakubadde okutuula ku ntebe y'abanyooma.
- 2 Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa; Era mu mateeka ge mw'alowooleza emisana n'ekiro.
- 3 Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi, Ogubala emmere yaagwo mu ntuuko zaayo, Era amalagala gaagwo tegawotoka; Na buli ky'akola, akiweerwako omukisa.
- 4 Ababi si bwe batyo; Naye bali ng'ebisusunku, empewo bye zifuumuula.
- 5 Ababi kyebaliva balema okuyimirira mu musango, Newakubadde abalina ebibi mu kkuaaniro ly'abatuukirivu.
- 6 Kubanga Mukama amanyi ekkubo ly'abatuukirivu: Naye ekkubo ly'ababi liribula.

Essuula 2

- 1 Kiki ekibagugumusizza ab'amawanga, N'abantu kiki ekibalowoozesezza ekitaliimu?
- 2 Bakabaka ab'ensi beeteeseteese, N'abafuga bateesezza ebigambo wamu, Ku Mukama ne ku Masiya we nga boogera nti
- 3 Ka tumenyemenye enjegere zaabwe, Tusuule wala emigwa gyabwe.
- 4 Atuula mu ggulu aliseka, Mukama alibaduulira.
- 5 Mu biro biri alibagamba mu busungu bwe, Alibateganya mu kiruyi kye ekingi:
- 6 Naye naateeka kabaka wange Ku lusozi lwange olutukuvu Sayuuni.
- 7 Ekiragiro ndikibuulira: Mukama yaamba nti Ggwe oli mwana wange; Leero nkuzadde.
- 8 Onsabe nze, nange ndikuwa amawanga okubeera obusika bwo, N'ensonda ez'ensi okubeera amatwale go.
- 9 Olibimenya n'omuggo ogw'ekyuma; Olibyasayasa ng'entamu ey'omubumbi.
- 10 Kale kaakano mubeere n'amagezi, mmwe bakabaka: Muyige, mmwe abasala omusango gw'ensi.
- 11 Muweeze Mukama n'okutya, Era musanyuke n'okukankana.
- 12 Munywegere omwana, aleme okusunguwala, nammwe ne mubula mu kkubo, Kubanga obusungu bwe bulibuubuuka mangu. Balina omukisa bonna abamweyuna ye.

Essuula 3

- 1 Mukama, abalabe bange nga beeyongedde! Abagolokoka okunnumba bangi.
- 2 Bangi aboogera ku mmeeme yange Nti Talina kuyambwa mu Katonda. (Seera)
- 3 Naye ggwe, Mukama, oli ngabo enkuuma; Ekitiibwa kyange, era ayimiriza omutwe gwange.
- 4 N'eddoboozi lyange, nkoowoola Mukama, Naye anziramu okuva ku lusozi lwe olutukuvu. (Seera)
- 5 Naagalamira ne nneebaka; Ne nzuukuka; kubanga Mukama ye ankuuma.
- 6 Suritya bukumi bwa bantu, Abaneetooloola okunnumba.
- 7 Golokoka, ai Mukama: ondokole, ai Katonda wange: Kubanga wakuba abalabe bange bonna ku ttama, Wamenya amannyo g'ababi.
- 8 Obulokozi buli eri Mukama: Omukisa gwo gubeere ku bantu bo. (Seera)

Essuula 4

- 1 Onziremu bwe nkukaabira, ai Katonda ow'obutuukirivu bwange; Wansumulula bwe nnali mu nnaku; Onsaasire, ompulire okusaba kwange.
- 2 Mmwe abaana b'abantu, mulituusa wa okukyuusa ekitiibwa kyange mu nsonyi? Mulituusa wa okwagala ebitaliimu, n'okugoberera eby'obulimba? (Seera)
- 3 Naye mutegeere nga Mukama yeeterekedde atya Katonda: Mukama anaawuliranga bwe nnaamukoowoolanga.
- 4 Muyimirire nga mutya, muleme okwonoona: Mulwooze mu mutima gwammwe ku kitanda kyammwe, musiriikirire. (Seera)
- 5 Muweeyo sadaaka ez'obutuukirivu, Era mwesige Mukama.
- 6 Waliwo bangi aboogera nti Ani alitulaga ekintu ekirungi? Mukama, ggwe oyimuse omusana ogw'amaaso go ku ffe.
- 7 Otadde essanyu mu mutima gwange, okusinga ery'omu kyengera ky'emmere n'omwenge gwabwe.
- 8 Mu butatya naagalamiranga ne nneebaka: Kubanga ggwe wekka, Mukama, ontuusa mu mirembe.

Essuula 5

- 1 Wulira ebigambo byange, ai Mukama, Osseeyo omwoyo eri ebirowoozo byange.
- 2 Wulira eddoozi ly'okukaaba kwange, Kabaka wange, era Katonda wange: Kubanga nkusaba ggwe.
- 3 Ai Mukama, buli nkya onoowuliraaga eddoozi lyange; Buli nkya naalongoosanga okusaba kwange gy'oli, ne ntunula.
- 4 Kubanga toli Katonda asanyusibwa obubi: Ebitasaana tebiituulenga gy'oli.
- 5 Abeenyumiriza tebaayimirirenga mu maaso go: Okyawa bonna abakola, ebitali bituukirivu.
- 6 Olizikiriza aboogera eby'obulimba: Mukama akyawa omuntu atta n'alimbimba.
- 7 Naye ku lwange mu bungi bw'ekisa kyo naayingiranga mu nnyumba yo: Mu kukutya naasinzanga nga njolekera yeekaalu yo entukuvu.
- 8 Ontwale, ai Mukama, mu butuukirivu bwo olw'abalabe bange; Ongololere ekkubo lyo mu maaso gange.
- 9 Kubanga tewali bwesigwa mu mimwa gyabwe: Omwoyo gwabwe bubu busa: Omumiro gwabwe ye ntaana eyasaamiridde; Beegonza n'olulimi lwabwe.
- 10 Obasseeko omusango, ai Katonda; Bagwe olw'okuteesa kwabwe bo: Obasindike mu kwonoona kwabwe okungi; Kubanga bakujeemedde ggwe.
- 11 Naye bonna abeesiga ggwe basanyukenga, Bayoogaanenga mu ssanyu bulijjo, kubanga ggwe obakuuma: Era abaagala erinnya lyo basanyukirenga mu ggwe.
- 12 Kubanga oliwa omutuukirivu omukisa; Ai Mukama, olimwetoolooza ekisa ng'engabo.

Essuula 6

- 1 Ai Mukama; tonnenya mu busungu bwo, So tombuulirira mu kiruyi kyo ekibuubuuka.
- 2 Onsaasire, ai Mukama; kubanga mpotokedde ddala: Ai Mukama, omponye; kubanga amagumba gange geeraliikiridde.
- 3 Era n'emmeeme yange yeeraliikiridde nnyo: Naawe, ai Mukama, olituusa wa?
- 4 Komawo, ai Mukama, ondokole emmeeme yange: Omponye olw'ekisa kyo:
- 5 Kubanga tewali akujuukirira mu kufa: Ani alikwebaliza mu magombe?
- 6 Okusinda kwange kunkooyezza; Buli kiro nkulukusa ekiriri kyange; Ekitanda kyange

nkitobya n'amaziga.

- 7 Eriiso lyange likulukuse olw'okunakuwala; Likaddiye olw'abalabe bange bonna.
- 8 Muveewo we ndi, mwenna abakola ebitali bituukirivu; Kubanga Mukama awulidde eddoozi ly'okukaaba kwange.
- 9 Mukama awulidde okwegayirira kwange; Mukama anakkirizanga okusaba kwange.
- 10 Abalabe bange bonna baliswazibwa, balyeraliikirira nnyo: Balidda ennyuma, baliswazibwa mangu.

Essuula 7

- 1 Ai Mukama, Katonda wange, neesiga ggwe: Ondokole eri abo bonna abangoba, omponye:
- 2 Aleme okutaagula emmeeme yange ng'empologoma, Okugitaagulataagula, nga tewali anamponya.
- 3 Ai Mukama, Katonda wange, oba nga nakola bwe ntyo; Oba nga obutali butuukirivu buli mu mikono gyange;
- 4 Oba nga namuwalana obubi eyali n'emirembe gye ndi; (Nedda, naye nawonya eyali omulabe wange obwereere:)
- 5 Ankyawa ayigganye emmeeme yange, agituukeko: Anninyirire obulamu bwange wansi mu ttaka, Asse ekitiibwa kyange mu nfuufu. (Seera)
- 6 Golokoka, ai Mukama, mu busungu bwo, Weesimbe ku bukambwe obw'abalabe bange: Era onzuukukire; walagira omusango.
- 7 Era ekkuaaniro ery'amawanga likwetooloole: Okomewo waggulu okubafuga
- 8 Mukama aweereza omusango amawanga: Osale omusango gwange, ai Mukama, olw'obutuukirivu bwange n'amazima gange agali mu nze.
- 9 Singa obubi obw'ababi buwedde, naye abatuukirivu ggwe obanyweze: Kubanga Katonda ow'obutuukirivu ageza emitima n'emmeeme.
- 10 Engabo yange eri ne Katonda, Alokola abalina omutima ogw'amazima.
- 11 Katonda ye musazi w'emisango omutuukirivu, Era ye Katonda alina obusungu buli lunaku.
- 12 Omuntu bw'atakyuka, aliwagala ekitala kye; Aleeze omutege gwe, aguteeseteese.
- 13 Era amuteekeddetekedde ebintu ebitta; Emisaale gye agiteekako omuliro.
- 14 Laba, alina olubuto olw'obubi; Weewaawo, eggwako lye lye ttima, era azadde obulimba.
- 15 Yakola obunnya, yabusima, Era agudde mu lusalosalu lwe yakola.
- 16 Ettima lye liriddira ku mutwe gwe ye, N'ekyejo kye kirituuka ku bwezinge bwe.
- 17 Neebazanga Mukama olw'obutuukirivu bwe: Naayimbanga okutendereza erinnya lya Mukama ali waggulu ennyo.

Essuula 8

- 1 Ai Mukama, Mukama waffe, Erinnya lyo nga ddungi nnyo mu nsi zonna! Ggwe eyateeka ekitiibwa kyo ku ggulu.
- 2 Mu kamwa k'abawere n'abayonka wanyweza amaanyi, Olw'abalabe bo, Olyoke osirise omulabe n'oyo awalana eggwanga.
- 3 Bwe ndowooza eggulu lyo, omulimu gw'engalo zo, Omwezi n'emmunyeenye, bye walagira;
- 4 Omuntu kye kiki, ggwe okumujjira, Oba omwana w'omuntu, ggwe okumujjira?
- 5 Kubanga wamukola okubulako akatono okuba nga Katonda, Era omussaako engule ey'ekitiibwa n'ettendo.

- 6 Wamufuza emirimu egy'emikono Wateeka ebintu byonna wansi w'ebigere bye:
- 7 Endiga zonna n'ente, Era n'ensolo ez'omu nsiko;
- 8 Ennyonyi eza waggulu, n'ebyennyanja ebiri mu nnyanja, Buli kintu ekiyita mu makubo ag'ennyanja.
- 9 Ai Mukama, Mukama waffe, Erinnya lyo nga ddungi nnyo mu nsi zonna!

Essuula 9

- 1 Neebazanga Mukama n'omutima gwange gwonna; Naayolesanga ebikolwa byo eby'ekitalo byonna.
- 2 Naasanyukanga naajagulizanga mu ggwe: Naayimbanga okutendereza erinnya lyo, ggwe ali waggulu ennyo.
- 3 Abalabe bange bwe badda ennyuma, Beesittala ne bazikirira mu maaso go.
- 4 Kubanga ggwe wayamba ensonga yange n'ebigambo byange; Watuula ku ntebe, ng'osala omusango ogw'ensonga.
- 5 Waboggolera amawanga, wazikiriza ababi, Wasangula erinnya lyabwe emirembe n'emirembe.
- 6 Abalabe baweddewo, baviibwamu emirembe egitaggwaawo; N'ebibuga bye wamenya. Era n'ekijjukizo kyabyo kizikiridde.
- 7 Naye Mukama abeererawo emirembe egitaggwaawo: Ateeseteese entebe ye okusala omusango.
- 8 Naye alisala omusango ogw'ensi zonna mu butuukirivu, Aliwa omusango amawanga mu mazima.
- 9 Era Mukama anaabeeranga kigo ekiwanvu eri abayigganyizibwa, Ekigo ekiwanvu mu biro eby'ennaku;
- 10 N'abo abamanyi erinnya lyo baneesiganga ggwe; Kubanga ggwe, Mukama, tonna-baleka abakunoonya.
- 11 Muyimbe okutendereza Mukama, atuula mu Sayuuni: Mubuulire ebikolwa bye mu bantu.
- 12 Kubanga oyo avunaana omusaayi abajjukira: Teyeerabira kukaaba kw'abaavu.
- 13 Onsaasire, ai Mukama; Laba okubonaabona kwange kwe bankola abankyaye, Ggwe annyimusa ku miryango egy'olumbe;
- 14 Ndyoke njolesenga ettendo lyo lyonna: Mu miryango egy'omuwala wa Sayuuni Naasanyukiranga obulokozi bwo.
- 15 Amawanga gagudde mu bunnya bwe baasima: Mu kyambika kye baatega ekigere kyabwe mwelukwatiddwa:
- 16 Mukama yeetegeezezza, atuukirizza omusango: Omubi akwatibwa mu mirimu gy'emikono gye. (Kiggayoni. Seera)
- 17 Ababi balidda mu magombe. Ge mawanga gonna ageerabira Katonda.
- 18 Kubanga abaavu tebeerabirwenga ennaku zonna, So essuubi ery'abawombeefu teriibulenga emirembe gyonna.
- 19 Golokoka, ai Mukama; abantu balemenga okuwangula: Amawanga gasalirwe omusango mu maaso go.
- 20 Obatiise, ai Mukama: Amawanga geetekeere nga bantu buntu. (Seera)

Essuula 10

- 1 Kiki ekikuyimirizisizza ewala, ai Mukama? Kiki ekikwekwesezza mu biro eby'ennaku?
- 2 Mu malala ag'omubi omwavu ayigganyizibwa nnyo: Bakwatibwe mu nkwe ze

baateesa.

- 3 Kubanga omubi yeenyumiriza olw'okwegomba kw'omutima gwe, N'omukodo yee-gaana, era anyooma Mukama.
- 4 Omubi mu malala ag'amaaso ge ayogera nti Talivunaana. Ebirowoozo bye byonna nti Tewali Katonda.
- 5 Amakubo ge makakanyavu ennaku zonna; Emisango gyo giri waggulu nnyo gy'atay-inza kugirabira: Abalabe be bonna abasooza.
- 6 Ayogera mu mutima gwe nti Sirisagaasagana: Okutuusa emirembe gyonna siriraba nnaku.
- 7 Akamwa ke kajjudde okukolima n'okulimba n'okujooga: Wansi w'olulimi lwe waliwo ettima n'obutali butuukirivu:
- 8 Atuula mu mateegero ag'ebyalo: Mu bwekweko atta abatalina misango: Amaaso ge agatunuuliza ku munafu mu kyama.
- 9 Yeekweka mu tteegero ng'empologoma mu mpuku yaayo: Yeekisa okukwata omwavu: Akwatira ddala omwavu, ng'amuwalulira mu kyambika kye.
- 10 Akutama, akootakoota, Abasajja be ab'amaanyi ne basuula abanafu.
- 11 Ayogera mu mutima gwe nti Katonda yeerabidde: Akweka amaaso ge; tagenda kukiraba.
- 12 Golokoka, ai Mukama; ai Katonda oyimuse omukono gwo: Teweerabira mwavu.
- 13 Lwaki omubi okunyoomanga Katonda, N'okwogera mu mutima gwe nti Tolivunaana?
- 14 Walaba; kubanga otunuulira ettima n'obukyayi, okussaako omukono gwo: Omunafu yeewaayo gy'oli; Wabanga omubeezi w'abo abataliiko kitaabwe.
- 15 Menya omukono gw'omubi; Omuntu omubi onoonyeze ddala obubi bwe okutuusa obutabusangamu.
- 16 Mukama ye kabaka emirembe n'emirembe: Amawanga gazikiridde mu nsi ye.
- 17 Mukama, wawulira abawombeefu kye bayagala: Onooteekateekanga omutima gwabwe, onoowulizanga okutu kwo:
- 18 Okusalira omusango abataliiko kitaabwe n'abajoogebwa. Omuntu, ye w'omu nsi, aleke okubeera n'entiisa.

Essuula 11

- 1 Mukama gwe nneesiga: Mugamba mutya emmeeme yange nti Ddukira ku lusozi lwammwe ng'ennyonyi?
- 2 Kubanga, laba, ababi batega omutege, Bateekateeka akasaale ku lugoye, Balasize mu nzikiza abalina omutima ogw'amazima.
- 3 Oba nga emisingi girizikirizibwa, Kiki omutuukirivu ky'ayinza okukola?
- 4 Mukama ali mu yeekaalu ye entukuvu, Mukama, entebe ye eri mu ggulu; Amaaso ge galaba abaana b'abantu, ebikowe bye bibakema.
- 5 Mukama akema abatuukirivu: Naye omubi n'oyo ayagala eby'amaanyi emmeeme ye ebakyawa.
- 6 Ku babi anaatonnyesanga ebyambika; Omuliro n'ekibiriiti n'empewo ezoorkya binaabeeranga omugabo ogw'ekikompe kyabwe.
- 7 Kubanga Mukama mutuukirivu; ayagala eby'obutuukirivu: Abalina omwoyo ogw'amazima baliraba amaaso ge.

Essuula 12

- 1 Yamba, Mukama; kubanga atya Katonda aggwaawo; Kubanga abakkiriza bakendeera mu baana b'abantu.

- 2 Boogera ebitaliimu buli muntu ne munne: Boogera n'emimwa eginyumiriza n'emitima ebiri:
- 3 Mukama alimalawo emimwa gyonna eginyumiriza, N'olulimi olwogera ebikulu:
- 4 Aboogedde nti N'olulimi lwaffe tuliwangula; Emimwa gyaffe gye gyaffe: atufuga ye ani?
- 5 Olw'okunyagibwa kw'abaavu, olw'okusinda kw'abanafu, Kaakano naagolokoka, Mukama bw'ayogera; Naamuteeka mu mirembe gwe basooza.
- 6 Ebigambo bya Mukama bye bigambo ebirongoofu; Nga ffeeza egezebwa mu kyoto ku nsi, Erongoosebwa emirundi omusanvu.
- 7 Onoobakuumanga, ai Mukama, Onoobawonyanga mu mirembe gino ennaku zonna.
- 8 Ababi batambula ku njuyi zonna, Obugwagwa bwe bugulumizibwanga mu baana b'abantu.

Essuula 13

- 1 Olituusa wa, ai Mukama, okunneerabiranga emirembe gyonna? Olituusa wa okunkisanga amaaso go?
- 2 Ndituusa wa okuteesanga mu mmeeme yange, Nga ndaba ennaku mu mutima gwange obudde okuziba? Alituusa wa omulabe wange okugulumizibwanga ku nze?
- 3 Lowooza onziremu, ai Mukama Katonda wange: Yakira amaaso gange, nneme okwebaka okufa;
- 4 Omulabe wange alemenga okwogera nti Mmuwangudde: Abankyawa balemenga okujaguza nga nsagaasagana.
- 5 Naye nneesize okusaasira kwo; Omutima gwange gunaasanyukiranga obulokozi bwo:
- 6 Naayimbiranga Mukama, Kubanga ankoledde obulungi obungi.

Essuula 14

- 1 Omusirusiru ayogedde mu mutima gwe nti Siwali Katonda. Bavunze, bakoze ebikolwa eby'obugwagwa; Siwali akola obulungi.
- 2 Mukama yatunuulira ng'ayima mu ggulu abaana b'abantu, Okulaba nga waliwo abaategeera, Abaanoonya Katonda.
- 3 Bonna bakyamyey; boonoonese empitambi wamu; Siwali akola obulungi, newakubadde n'omu.
- 4 Bonna abakola obutali butuukirivu tebalina magezi? Abalya abantu bange nga bwe balya emmere, So tebakoooola Mukama.
- 5 Eri baalina obuti bungi : Kubanga Katonda ali mu mirembe gy'abatuukirivu.
- 6 Mukwasa ensanyi okuteesa kw'omwavu, Kubanga Mukama kye kiddukiro kye:
- 7 Singa obulokozi bwa Isiraeri buvudde mu Sayuni! Mukama bw'alizzaayo obusibe obw'abantu be, Yakobo n'alyoka asanyuka, Isiraeri alijaguza.

Essuula 15

- 1 Mukama, anaatuulanga mu weema yo ye ani? Anaabeeranga ku lusozi lwo olutukuvu ye ani?
- 2 Oyo atambulira mu bugolokofu, era akola obutuukirivu, Era ayogera eby'amazima mu mutima gwe.
- 3 Atawaayiriza n'olulimi lwe, So mukwano gwe tamukola bubi, So takkiriza kibi ku muliraanwa we.
- 4 Amaaso ge ganyooma omubi; Naye abatya Mukama abassaamu ekitiibwa. Bw'alayira

ne bw'afirwa takyuka.

- 5 Atawolera bintu bye magoba. So taweebwa mpeera ku atalina musango. Oyo akola ebyo taasagaasaganenga emirembe gyonna.

Essuula 16

- 1 Onkuume, ai Katonda: kubanga nkwesiga ggwe.
- 2 ambye Mukama nti Ggwe oli Mukama wange: Sirina bulungi bwonna awatali ggwe.
- 3 Abatukuvu abali mu nsi, Abo be basinga obulungi, be nsanyukira essanyu lyange lyonna.
- 4 Okunakuwala kwabwe kunaayongerwangako abo abawaanyisa Mukama olwa katonda Omulala: Esaddaaka zaabwe ez'okunywa ez'omusaayi ssiiziwengayo. So ssiitwalenga mannya gaabwe mu mimwa gyange.
- 5 Mukama gwe mugabo ogw'obusika bwange n'ogw'ekikompe kyange: Gwe okuuma ebyange.
- 6 Emigwa ginguddeko mu bifo ebirungi; Mazima nnina obusika obulungi.
- 7 Neebazanga Mukama, anteeserezza ebigambo: Mazima, emmeeme yange enjigiriza mu biseera eby'ekiro.
- 8 Mukama mmutadde mu maaso gange bulijjo. Kubanga ye ali ku mukono gwange ogwa ddyo, sirisagaasagana.
- 9 Omutima gwange kyeguva gusanyuka n'ekitiibwa kyange kijaguza: Era n'omubiri gwange gunaabeeranga mu mirembe.
- 10 Kubanga tolireka mmeeme yange mu magombe; So toliganya Omutukuvu wo okulaba okuvunda.
- 11 Onondaganga ekkubo ery'obulamu: Gy'oli waliwo essanyu erituukirira; Mu mukono gwo ogwa ddyo mwe muli ebisanyusa emirembe n'emirembe.

Essuula 17

- 1 Wulira ensonga ey'obutuukirivu, ai Mukama, lowooza okukaaba kwange; Tega okutu owulire okusaba kwange, okutava mu mimwa egy'obukuusa.
- 2 Omusango gwange guve w'oli; Amaaso go gatunuulire obutuukirivu.
- 3 Wagezaako omutima gwange; wajja gye ndi ekiro; Wankema, n'otolaba kigambo; Mmaliridde akamwa kange obutayoononanga.
- 4 Mu bikolwa by'abantu, olw'ekigambo eky'emimwa gyo Neekuumanga mu makubo ag'abantu abalina ekyejo
- 5 Olugendo lwange lwanywera mu makubo go, Ebigere byange tebiseereranga.
- 6 Nkukoowodde, kubanga ggwe ononziramu, ai Katonda: Ontegere okutu kwo, ompulire bye njogera.
- 7 Laga ekisa kyo eky'ekitalo, ggwe alokola abakwesiga, Mu abo ababagolokokerako, n'omukono gwo ogwa ddyo.
- 8 Onkuume ng'emmunye ey'eriiso, Onkise mu kisiikirize eky'ebiwawaatiro byo,
- 9 Mu babi abannyaga, Mu balabe bange abaagala okunzita, abanzingiza.
- 10 Babikkiddwa amasavu gaabwe: N'akamwa kaabwe boogera eby'amalala.
- 11 Kaakano batuzingizizza mu bigere byaffe: Bakaliriza amaaso gaabwe okutusuula wansi.
- 12 Afaanana ng'empologoma eyaayaanira omuyiggo gwayo, Era ng'omwana gw'empol-ogoma ogw'ekisa we guteegera.
- 13 Golokoka, ai Mukama, Omuyimirire mu maaso, omumegge wansi: Omponye emmeeme yange eri omubi n'ekitala kyo;

- 14 Eri abantu n’omukono gwo, ai Mukama, Eri abantu ab’ensi, abalina omugabo gwabwe mu bulamu buno, N’olubuto lwabwe olujjuza obugagga bwo: Banyiye abaana, N’ebintu byabwe ebisigalawo babirekera abaana baabwe.
- 15 Nze amaaso go ndigalaba mu butuukirivu: Ndimatira bwe ndizuukuka n’ekifaananyi kyo.

Essuula 18

- 1 Nkwagala ggwe, ai Mukama, amaanyi gange.
- 2 Mukama lwe lwazi lwange, era kye kigo kyange, era ye andokola; Katonda wange, olwazi lwange olunywevu, oyo gwe enda okwesiganga; Engabo yange, n’ejjembe ery’obulokozi bwange, ekigo kyange ekigulumivu.
- 3 Naakoowoolanga Mukama, asaanira okutenderezabwa: Bwe nnaalokokanga bwe ntyo mu balabe bange.
- 4 Emigwa egy’okufa gyansiba, N’ebitaba eby’obutatya Katonda byantiisa.
- 5 Emigwa egy’emagombe gyanneetoolola: Emitego egy’olumbe gyankwasa.
- 6 Mu nnaku zange ne nkoowoola Mukama, Ne mpita Katonda wange: N’awulira eddoozi lyange mu yeekaalu ye, Ne bye nnakaabira mu maaso ge ne bituuka mu matu ge.
- 7 Ensi n’eryoka ekankana n’esagaasagana, Era n’emisingi gy’ensozi ne gikankana ne ginyeenyebwa, Kubanga asunguwadde.
- 8 Omukka ne gunyooka mu nnyindo ze, N’omuliro ne guva mu kamwa ke ne gulya: Ne gukoleeza amanda.
- 9 Era n’eggulu n’alikutamya, n’akka; N’ekizikiza ekinene ne kiba wansi w’ebigere bye.
- 10 Ne yeebagala kerubi n’abuuka: Era n’abuuka mangu ku biwaawaatiro eby’empewo.
- 11 Ekizikiza n’akifuula eky’okwekwekamu, eweema ye emwetoolodde; Ekizikiza eky’amazzi, ebire ebikutte eby’omu ggulu.
- 12 Mu kumasamasa okuli mu maaso ge ebire bye ebikutte ne biyita, Ne waba amayinja ag’omuzira n’amanda ag’omuliro.
- 13 Era Mukama n’abwatuka mu ggulu N’oyo ali waggulu ennyo n’aleeta eddoozi lye; Ne waba amayinja ag’omuzira n’amanda ag’omuliro.
- 14 N’alasa obusaale bwe n’abasaasanya; N’alasa enjota nnyingi n’abeeraliikiriza.
- 15 Ensalosalo ez’amazzi ne ziryoka zirabika, Emisingi gy’ensi ne gyeruka, Mu kunenya kwo, ai Mukama, Mu kibuyaga ow’omukka ogw’ennyindo zo,
- 16 Yatuma okuva waggulu, n’antwala; N’ampalula mu mazzi amangi.
- 17 Yamponya eri mulabe wange ow’amaanyi, N’eri abo abankyawa, kubanga bansinza amaanyi nze.
- 18 Banjjira ku lunaku olw’akabi kange: Naye Mukama ye yannyweza.
- 19 Era n’anfulumya mu kifo ekigazi; Yamponya, kubanga yansanyukira.
- 20 Mukama yampa empeera ng’obutuukirivu bwange bwe bwali; Ng’emikono gyange bwe giri emirungi, bw’ansasudde.
- 21 Kubanga nakwata amakubo ga Mukama, Ne ssireka Katonda wange n’obubi.
- 22 Kubanga emisango gye gyonna gyali mu maaso gange, So amateeka ge saagaggyaawo gye ndi.
- 23 Era nali eyatuukirira gy’ali. Ne nneekuuma mu bubu bwange.
- 24 Mukama kyavudde ansasula, ng’obutuukirivu bwange bwe buli, Emikono gyange nga bwe giri emirungi mu maaso ge.
- 25 Eri ow’ekisa oneeraga ow’ekisa; Eri eyatuukirira oneeraganga eyatuukirira;
- 26 Eri omulongoofu oneeraganga omulongoofu; N’eri omukakanyavu oneeraganga aziyiza.

- 27 Kubanga onoolokolanga abantu abajoogebwa; Naye amaaso ag'amalala onoogatoowazanga.
- 28 Kubanga ggwe olikoleeza ettabaaza yange. Mukama Katonda wange alimulisa mu kizikiza kyange.
- 29 Kubanga mu kubeerwa kwo nnumba ekibiina; Era mu kuyamba kwa Katonda wange mbuuka ekigo.
- 30 Katonda, ekkubo lye lyatuukirira: Ekigambo kya Mukama kyakettebwa; Oyo ye ngabo y'abo bonna abamwesiga.
- 31 Kubanga ani Katonda, wabula Mukama? Era ani olwazi, wabula Katonda waffe?
- 32 Katonda ansibya amaanyi, Era atuukiriza ekkubo lyange.
- 33 Afuula ebigerere byange ng'eb'empewo: Era angulumiza mu bifo byange ebya waggulu.
- 34 Anjigiriza engalo zange okulwana; Emikono gyange ne gireega omutego ogw'ekikomo.
- 35 Era ompadde engabo ey'obulokozi bwo: N'omukono gwo ogwa ddyo gumpaniridde, N'obuwombeefu bwo bungulumizizza.
- 36 Ongaziirizza ekkubo ery'ebigerere byange, N'ebisinziro byange tebiseereranga.
- 37 Ndigoberera abalabe bange, ne mbatuukako: So ssirikomawo nga tebannazikirizibwa.
- 38 Ndibafumitira ddala ne batayinza kuyimuka: Baligwa wansi w'ebigerere byange.
- 39 Kubanga onsibye amaanyi ag'okulwana: Obafukamizza mu maaso gange abannyimukirako.
- 40 Era abalabe bange obakyusizza amabega gaabwe gye ndi, Ndyoke nzikirize abankyawa.
- 41 Baakoowoola, naye tewaali mulokozi: Baakoowoola Mukama, naye n'atabaddamu.
- 42 Ne ndyoka mbasekulasekula ng'enfuufu etwalibwa empewo: Ne mbasuula ng'ebitosi eby'omu nguudo.
- 43 Omponyezza mu kuyomba kw'abantu; Onfudde omutwe gw'amawanga; Abantu be ssaamanyanga balimpeereza.
- 44 Bwe baliwulira ebigambo byange, ne balyoka baondera: Bannaggwanga balinjeemulukukira.
- 45 Bannaggwanga baliggwaawo, Baliva mu bifo byabwe eby'okwekwekamu nga bakankana.
- 46 Mukama mulamu; olwazi lwange atenderezebwe; Era agulumizibwe Katonda ow'obulokozi bwange :
- 47 Ye Katonda ampalanira eggwanga Era awangula amawanga ngafuge.
- 48 Amponya eri abalabe bange: Weewaawo, ongulumiza ku abo abannyimukirako: Ondokola eri omuntu ow'ekyejo
- 49 Kyennaavanga nkwebaza ggwe, ai Mukama, mu mawanga, Naayimbanga okuten-dereza erinnya lyo.
- 50 Obulokozi bukulu bw'awa kabaka we; Era amukolera eby'ekisa oyo gwe yasiiga amafuta, Dawudi n'ezzadde lye, emirembe n'emirembe.

Essuula 19

- 1 Eggulu lyogera ekitiibwa kya Katonda: N'ebbanga libuulira emirimu gy'emikono gye.
- 2 Omusana gugamba ebigambo omusana, N'ekiro kiraga amagezi ekiro.
- 3 Siwali bigambo newakubadde olulimi; Eddoboosi lyabyo teriwulikika.
- 4 Okuyigiriza kwabyo kubunye mu nsi zonna, N'ebigambo byabyo okutuuka ku nkomerero y'ensi. Abiteekeddemu enjuba eweema,

- 5 Eri ng'awasa omugole ng'ava mu nju ye, Era esanyuka ng'ow'amaanyi okuyita mu lugendo lwayo.
- 6 Evaayo ku nkomerero y'eggulu, Ne yeetooloola okutuuka ku nkomerero yaalyo: So tewali kintu ekikwekebwa mu kwokya kwayo.
- 7 Etteeka lya Mukama lyatuukirira, erikomyawo emmeeme: Okutegeeza kwa Mukama kunywevu, okuwa abasirusiru amagezi.
- 8 Okuyigiriza kwa Mukama kwabutuukirivu, okusanyusa omutima: Ekiragiro kya Mukama kirongoofu, ekyakira amaaso.
- 9 Entiisa ya Mukama nnungi, ya lubeerera emirembe gyonna: Emisango gya Mukama gya mazima, gya butuukirivu ddala:
- 10 Bisaanira okubiyaayanira okusinga ezaabu, era n'ezaabu ennyingi ennungi: Biwoomerera okusinga omubisi gw'enjuki n'ebisenge byagwo.
- 11 Era ebyo bye birabula omuddu wo: Mu kubyekuuma mulimu empeera ennene.
- 12 Ani ayinza okukebera ebyonoono bye? Onnongoose mu bibi ebikisibwa.
- 13 Era ne mu by'amalala oziyize omuddu wo; Bireme okumpangula: bwe ntyo bwe nnaabanga eyatuukirira, So omusango ogw'okwonoona okunene tegulinsinga.
- 14 Ebigambo eby'omu kamwa kange n'okulowooza okw'omu mutima gwange bisiim-ibwe mu maaso go, Ai Mukama, olwazi lwange, era omununuzi wange.

Essuula 20

- 1 Mukama akuddemu ku lunaku olw'okunakuwala; Erinnya lya Katonda wa Yakobo likugulumizenga waggulu;
- 2 Akuweerezenga okubeerwa mu kifo ekitukuvu, Akuwenga amaanyi agava mu Sayuni;
- 3 Ajjukiranga bye wawaayo byonna, Akkirizenga ssaddaaka yo enjokye; (Seera)
- 4 Akuweenga omutima gwo kye gwagala, Atuukirizenga okuteesa kwo kwonna.
- 5 Tunaawangulanga mu bulokozi bwo, Ne mu linnya lya Katonda waffe tunaawanikanga ebendera zaffe: Mukama atuukirizenga by'osaba byonna.
- 6 Kaakano mmanyi nga Mukama alokola oyo gwe yasiiga amafuta; Alimuddamu ng'ayima mu ggulu lye ettukuvu N'obulokozi obuwonya obw'omukono gwe ogwa ddyo.
- 7 Abalala beesiga amagaali, n'abalala beesiga embalaasi: Naye ffe tunaayogeranga erinnya lya Mukama Katonda waffe.
- 8 Bakutanye bo ne bagwa: Naye ffe tugolokose, ne tuyimirira.
- 9 Lokola, Mukama: Kabaka atuddemu bwe tukoowoola.

Essuula 21

- 1 Kabaka anaasanyukiranga amaanyi go, ai Mukama; N'obulokozi bwo ng'anaabujag-ulizanga nnyo!
- 2 Omuwadde omutima gwe kye gwagala, So tomummye emimwa gye kye gisabye. (Seera)
- 3 Kubanga omusisinkanye n'eby'omukisa eby'obulungi: Omuteekako ku mutwe gwe engule ey'ezaabu ennungi.
- 4 Yakusaba obulamu, n'obumuwa; Era n'ennaku ennyingi ez'emirembe n'emirembe.
- 5 Ekitiibwa kye kingi mu bulokozi bwo: Ekitiibwa n'obukulu obimussaako.
- 6 Kubanga omuteekawo okuba omukisa omungi emirembe gyonna: Omusanyusa essanyu mu maaso go.
- 7 Kubanga kabaka yeesiga Mukama, N'olw'ekisa ky'oyo ali waggulu ennyo

taasagaasaganenga.

- 8 Omukono gwo gulituuka ku balabe bo bonna: Omukono gwo ogwa ddyo gulituuka ku abo abakukyawa.
- 9 Olibafaananya ng'ekikoomi ekyaka mu biro eby'obusungu bwo. Mukama alibamira mu kiruyi kye, N'omuliro gulibalya.
- 10 Ebibala byabwe olibizikiriza ku nsi, N'ezzadde lyabwe mu baana b'abantu.
- 11 Kubanga baakuteeseza obubi: Baasala olukwe, lwe bataayinza kukola.
- 12 Kubanga olibazza ennyuma, Oliteekateeka engoye zo ez'omutego ku maaso gaabwe.
- 13 Ogulumizibwenga, ai Mukama, mu maanyi go: Tulyoke tuyimbenga tutenderezenga obuyinza bwo.

Essuula 22

- 1 Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza? Lwaki okubeera ewala obutanzibira, obutawulira bigambo eby'okukaaba kwange?
- 2 Ai Katonda wange, nkoowoola emisana, naawe n'otoddamu; Era n'ekiro, so ssisirika.
- 3 Naye ggwe oli mutukuvu, Ggwe atuula mu matendo ga Isiraeri.
- 4 Bajjajja baffe baakwesiganga ggwe: Beesiganga, naawe n'obawonya.
- 5 Baakukoowoolanga ggwe, ne bawonyezebwanga: Baakwesiganga ggwe, ne batakwasisbwanga nsonyi.
- 6 Naye nze ndi lusiriani, so ssiri muntu; Abasajja gwe bavuma, n'abantu gwe banyooma.
- 7 Bonna abandaba bansekerera ne banduulira: Bansooza n'emimwa gyabwe, banyeenya omutwe, nga boogera nti
- 8 Yeeweeyo eri Mukama; ye amulokole: Amuwonye, kubanga amusanyukira.
- 9 Naye ggwe wanziya mu lubuto lwa mmange: Ggwe wanneesiza bwe nnali nga nkyali ku mabeere ga mmange.
- 10 Neeyuna ggwe okuva mu kuzaalibwa kwange: Ggwe oli Katonda wange okuva mu lubuto lwa mmange.
- 11 Tombeera wala; kubanga akabi kali kumpi; Kubanga tewali anannyamba.
- 12 Zisseddume nnyingi zinneetoolodde: Zisseddume ez'amaanyi ez'e Basani zinzingizizza.
- 13 Banjasamidde akamwa kaabwe, Ng'empologoma etaagulataagula ewuluguma.
- 14 Nfukibwa ng'amazzi, N'amagumba gange gonna gasowose. Omutima gwange guli ng'obubaane; Gusaanuuse wakati mu byenda byange.
- 15 Amaanyi gange gakaliridde ng'olugyo; N'olulimi lwange lwegatta n'emba zange; Era ondeese mu nfuufu ey'okufa.
- 16 Kubanga embwa zinneetoolodde: Ekibiina ky'abo abakola obubi bantaayizizza; Bampummudde engalo zange n'ebigere byange.
- 17 Nnyinza okubala amagumba gange gonna; Bantunuulira, banvulumulira amaaso:
- 18 Bagabana ebyambalo byange, Ne bakuba akalulu ku lugoye lwange:
- 19 Naye tobeera wala, ai Mukama: Ai ggwe annyamba, yanguya okunzibira.
- 20 Wonya emmeeme yange eri ekitala; Ne kaganzi kange eri amaanyi g'embwa:
- 21 Ondokole mu kamwa k'empologoma; Era ne mu mayembe g'embogo wanziramu.
- 22 Naabuuliranga erinnya lyo eri baganda bange: Wakati mu kibiina naakutenderezanga.
- 23 Mmwe abatya Mukama, mumutenderezenga; Mmwe mwenna ezzadde lya Yakobo, mumugulumizenga; Mumutyenga mmwe mwenna ezzadde lya Isiraeri.
- 24 Kubanga teyanyooma so teyakyawa nnaku z'oyo anakuwala; So teyamukisa amaaso ge; Naye bwe yamukoowoola, n'awulira.
- 25 Mu ggwe mwe muva ettendo lyange mu kibiina ekinene: Ndisasula obweyamo

bwange mu maaso g'abo abamutya.

- 26 Abawombeefu balirya ne bakkuta: Balitendereza Mukama abamunoonya: Omutima gwammwe gubeerenga mulamu emirembe gyonna.
- 27 Enkomerero zonna ez'ensi zirijjukira ne zikyukira Mukama: N'ebika byonna eby'amawanga birisiza mu maaso go.
- 28 Kubanga obwakabaka bwa Mukama: Naye ye afuga amawanga.
- 29 Abagevву bonna ab'ensi balirya ne basinza: N'abo abakka mu nfuufu balimufukaamirira, Ye atayinza kuwonya mmeeme ye okufa.
- 30 Ezzadde lirimuweereza; Kiribuulirwa ku Mukama okutuusa ku mirembe egigenda okujja.
- 31 Balijja ne babuulira obutuukirivu bwe Eri abantu abalizaalibwa, nga ye abukola:

Essuula 23

- 1 Mukama ye musumba wange; seetaagenga:
- 2 Angalamiza mu ddundiro ery'omuddo omuto: Antwala ku mabbali ag'amazzi amatteefu.
- 3 Akomyawo emmeeme yange: Annuamya mu makubo ag'obutuukirivu ku lw'erinnya lye.
- 4 Era newakubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'olumbe, Siritya kabi konna; kubanga ggwe oli nange: Oluga lwo n'omuggo gwo bye binsanyusa.
- 5 Onteekerateekera emmeeza mu maaso g'abalabe bange: Onsiize amafuta ku mutwe; ekikompe kyange kiyiwa.
- 6 Obulungi n'ekisa tebiiremenga kugenda nange ennaku zonna ez'obulamu bwange: Nange naatuulanga mu nnyumba ya Mukama okutuusa ku nnaku nnyingi.

Essuula 24

- 1 Ensi ya Mukama, n'okujjula kwayo; Ensi zonna, n'abo abazituulamu.
- 2 Kubanga yagisimba ku nnyanja, Yaginyweza ku mazzi amangi.
- 3 Ani alirinya ku lusozi lwa Mukama? Era ani aliyiminira mu kifo kye ekitukuvu?
- 4 Oyo alina emikono emirungi, n'omutima omulongoofu; Atayimusanga mmeeme ye eri ebitaliimu, So teyalayiriranga bwereere.
- 5 Oyo anaaweebwanga Mukama omukisa, Era n'obutuukirivu anaabuweebwanga Katonda ow'obulokozi bwe.
- 6 Egyo gye mirembe gy'abo abamunoonya, Abanoonya amaaso go, ai Katonda wa Yakobo. (Seera)
- 7 Muyimuse emitwe gyammwe, mmwe enzigi; Nammwe muyimuke, mmwe bawankaaki abataggwaawo: Ne kabaka ow'ekitiibwa anaayingira.
- 8 Kabaka ow'ekitiibwa ye ani? Mukama ow'amaanyi ow'obuyinza Mukama ow'obuyinza mu kulwana.
- 9 Muyimuse emitwe gyammwe, mmwe enzigi; Kale, mugiyimuse, mmwe bawankaaki abataggwaawo: Ne Kabaka ow'ekitiibwa anaayingira.
- 10 Kabaka oyo ow'ekitiibwa ye ani? Mukama ow'eggye, Oyo ye Kabaka ow'ekitiibwa. (Seera)

Essuula 25

- 1 Gy'oli, ai Mukama, nnyimusiza emmeeme yange.
- 2 Ai Katonda wange, naakwesiganga ggwe, Toanya kukwatibwa nsonyi; Abalabe bange

tobaganya kumpangula.

- 3 Era siwali akulindirira anaakwatibwanga ensonyi: Abo banaakwatibwanga ensonyi abasala enkwe ez'obwereere.
- 4 Ondage amakubo go, ai Mukama; Onjigirize empenda zo.
- 5 Onnuamye mu mazima go, onjigirize; Kubanga ggwe oli Katonda ow'obulokozi bwange; Ggwe gwe nnindirira obudde okuziba.
- 6 Jjukira, ai Mukama, okusaasira kwo okulungi n'ekisa kyo; Kubanga byaliwo edda n'edda lyonna.
- 7 Tojjukira bibi bya buvubuka bwange, newakubadde ebyonoono byange: Onjijukire ng'ekisa kyo bwe kiri, Olw'obulungi bwo, ai Mukama.
- 8 Mukama ye mulungi era wa mazima: Kyanaavanga ayigiriza ekkubo abalina ebibi.
- 9 Abawombeefu anaabaluamyanga mu musango: Era abawombeefu anaabayigirizanga ekkubo lye.
- 10 Amakubo gonna aga Mukama kye kisa n'amazima Eri abo abeeukuuma endagaano ye n'okutegeeza kwe:
- 11 Olw'erinnya lyo, ai Mukama, Onsonyiwe obubi bwange, kubanga bunene.
- 12 Omuntu atya Mukama aluwa? Oyo gw'anaayigirizanga mu kkubo ly'anaasiimanga.
- 13 Emmeeme ye eneetuulanga mu mirembe; N'ezzadde lye linaasikiranga ensi.
- 14 Ekyama kya Mukama kiri mu abo abamutya; Era anaabalaganga endagaano ye.
- 15 Amaaso gange gatunuulira Mukama ennaku zonna; Kubanga ye anaggyanga ebigerere byange mu kyambika.
- 16 Onkyukire, onsaasire; Kubanga ndekeddwa omu ne mbonaabona.
- 17 Ennaku ez'omutima gwange zeeyongedde: Kale onziye mu bibonoobono byange.
- 18 Lowooza ennaku zange n'okutegana kwange; Era onsonyiwe ebibi byange byonna.
- 19 Lowooza abalabe bange, kubanga bangi; Era bankyawa obukyayi obukambwe.
- 20 Kale onkuumenga emmeeme yange, omponyenga: Toanyanga kukwatibwa nsonyi, kubanga nkwesiga ggwe.
- 21 Obutuukirivu n'amazima binkuumenga, Kubanga nnindirira ggwe.
- 22 Nunula Isiraeri, ai Katonda, Mu bibonoobono bye byonna.

Essuula 26

- 1 Onsalire omusango, ai Mukama, kubanga natambuliranga mu butuukirivu bwange: Era neesiganga Mukama obutabuusabuusa.
- 2 Onkebere, ai Mukama, onkeme; Ongezeeko emmeeme yange n'omutima gwange.
- 3 Kubanga ekisa kyo kiri mu maaso gange; Era natambuliranga mu mazima go.
- 4 Saatuulanga wamu na bantu abataliimu; So ssiyingirenga wamu na bakuusakuusa.
- 5 Ekibiina ky'abo abakola obubi nkikyawa, So siituulenga wamu na babi.
- 6 Naanaabanga mu ngalo zange mu butayonoona; Bwe nneetooloolanga bwe ntyo ekyoto kyo, ai Mukama:
- 7 Ndyoke mpulirizenga eddoboosi ery'okwebaza, Njogerenga ku bikolwa byo byonna eby'ekitalo:
- 8 Mukama, njagala ekisulo eky'omu nnyumba yo, N'ekifo ekitiibwa kyo kye kituulamu,
- 9 Tonoga mmeeme yange wamu n'abalina ebibi, Newakubadde obulamu bwange wamu n'abantu ab'omu nsi:
- 10 Emikono gyabwe girimu ettima, N'omukono gwabwe ogwa ddyo gujjudde enguzi.
- 11 Naye nze naatambuliranga mu butuukirivu bwange: Onnunule, era onsaasire.
- 12 Ekigere kyange kiyimiridde mu kifo ekitereevu: Mu bibiina neebazanga Mukama.

Essuula 27

- 1 Mukama gwe musana gwange n'obulokozi bwange; gwe nnaatyanga ye ani? Mukama ge maanyi ag'obulamu bwange; anankankanyanga ye ani?
- 2 Abakola obubi bwe bannumba okulya omubiri gwange, Be balabe bange era abankyawa, ne beesittala ne bagwa.
- 3 Newakubadde ng'eggye lisiisidde okunnwanyisa, Omutima gwange teguutyenga: Newakubadde ng'entalo zimbadeko, Era ne mu ezo naagumanga omwoyo.
- 4 Ekigambo kimu nkisabye Mukama, kye nnaanoonyanga; Okutuulanga mu nnyumba ya Mukama ennaku zonna ez'obulamu bwange, Okutunuuliranga obulungi bwa Mukama, n'okubuuzanga mu yeekaalu ye.
- 5 Kubanga ku lunaku olw'okunakuwala alinkuuma mu kyama mu nnyumba ye: Awakwekerwa mu weema ye we alinkisiza; Alinnyimusa ku lwazi.
- 6 Ne kaakano omutwe gwange gunaayimusibwa ku balabe bange abanneetoolodde; Era naawaayo mu weema ye ssaddaaka ez'okusanyuka; Naayimbanga, weewaawo, naayimba okutendereza Mukama.
- 7 Wulira, ai Mukama, bwe nkaaba n'eddoboozi lyange: Era onsaasire, onziremu.
- 8 Bwe wagamba nti Munoonye amaaso gange; omutima gwange gwakugamba nti Amaaso go, Mukama, naaganoonyanga.
- 9 Tonkisa amaaso go; Togoba muddu wo mu busungu: Ggwe wabeeranga omubeezi wange; Tonsuula, so tondeka, ai Katonda ow'obulokozi bwange.
- 10 Kubanga kitange ne mmange bandese, Naye Mukama ananjjanjabanga.
- 11 Onjigirizenga ekkubo lyo, ai Mukama; Era onnuamyenga mu luwenda olulabika, Olw'abalabe bange.
- 12 Tompaayo eri abalabe bange okunkola bye baagala: Kubanga abawaayiriza bangolokokeddeko, n'abo abassa omukka ogw'obukambwe.
- 13 Nandizirise, singa sakkiriza okulaba obulungi bwa Mukama mu nsi ey'abalamu.
- 14 Lindirira Mukama: Ddamu amaanyi, ogume omwoyo gwo; Weewaawo, lindirira Mukama.

Essuula 28

- 1 Ggwe, ai Mukama, naakukoowoolanga; Olwazi lwange, togaana kumpulira: Nneme okuba ng'abo abakka mu bunnya, Oba nga ononsiriikirira.
- 2 Wulira eddoozi ery'okwegayirira kwange, bwe nkukaabirira, Bwe nnyimusa emikono gyange eri ekifo ekitukuvu ky'oyogereramu.
- 3 Tompalulira wamu n'ababi, N'abo abakola obutali butuukirivu; Aboogera eby'emirembe ne bannaabwe, Naye ettima nga liri mu mitima gyabwe.
- 4 Obawe ng'emirimu gyabwe bwe giri era ng'obubi obw'ebikolwa byabwe: Obawe ng'emikono gyabwe bwe gikola; Obasasule bye basaanidde.
- 5 Kubanga tebalowooza mirimu gya Mukama, Newakubadde emikono gye bye gikola, Alibamenyaamenya so talibazimba.
- 6 Atenderezebwe Mukama, Kubanga awulidde eddoozi ery'okwegayirira kwange.
- 7 Mukama ge maanyi gange era ye ngabo yange; Omutima gwange gwamwesiganga oyo, ne mbeerwa: Omutima gwange kyeguva gusanyuka ennyo; Era naamutenderezanga n'oluyimba lwange.
- 8 Mukama ge maanyi gaabwe, Era kye kiddukiro eky'obulokozi eri oyo gwe yasiiga amafuta.
- 9 Lokola abantu bo, owenga omukisa ab'obusika bwo: Obaliisenga, obawanirirenga emirembe gyonna.

Essuula 29

- 1 Mumuwe Mukama, mmwe abaana b'abazira, Mumuwe Mukama ekitiibwa n'amaanyi.
- 2 Mumuwe Mukama ekitiibwa erinnya lye kye lisaanira; Mumusinze Mukama mu butuukirivu obuwooma.
- 3 Eddoboozi lya Mukama liri ku mazzi: Katonda ow'ekitiibwa abatuka, Ye Mukama, ku mazzi amangi.
- 4 Eddoboozi lya Mukama lya maanyi; Eddoboozi lya Mukama lijjudde ekitiibwa.
- 5 Eddoboozi lya Mukama limenya emivule; Weewaawo, Mukama amenyaamenya emivule gya Lebanooni.
- 6 Era agizinyisa ng'ennyana; Lebanooni ne Siriyoni ng'ennyana y'embogo,
- 7 Eddoboozi lya Mukama lyawula ennimi ez'omuliro.
- 8 Eddoboozi lya Mukama likankanya eddungu; Mukama akankanya eddungu lya Kadesi.
- 9 Eddoboozi lya Mukama lizaaza empeewo, Era likunkumulira ddala amabira, Era mu yeekaalu ye buli kintu kyogera nti Ekitiibwa.
- 10 Mukama yatuula nga kabaka ku Mataba; Weewaawo, Mukama atuula nga kabaka emirembe gyonna.
- 11 Mukama aliwa amaanyi abantu be; Mukama omukisa gw'aliwa abantu be gye mirembe.

Essuula 30

- 1 Naakugulumizanga, ai Mukama; kubanga onnyimusizza, N'otobampanguza abalabe bange.
- 2 Ai Mukama Katonda wange, Naakukoowoola, naawe n'omponya.
- 3 Ai Mukama, walinyisa emmeeme yange okuva mu magombe: Omponyeyza okufa, nneme okukka mu bunnya.
- 4 Mumuyimbirenga Mukama nga mumutendereza, mmwe abatukuvu be, N'erinnya lye ettukuvu mulyebazenga.
- 5 Kubanga obusungu bwe buyita mangu; Mu kisa kye mwe muli obulamu: Amaziga wozzi gayinza okubeerawo ekiro, Naye essanyu lijja obudde nga bukedde.
- 6 Nze bwe nnaweebwa omukisa, ne njogera nti Sirisagaasagana emirembe gyonna.
- 7 Ggwe, Mukama, mu kisa kyo wali onywezezza olusozi lwange: N'okisa amaaso go; ne nneeraliikirira.
- 8 Ne nkukoowoola ggwe, ai Mukama; Era Mukama ne mwegayirira;
- 9 Omusaayi gwange guligasa gutya, bwe ndikka mu bunnya? Enfuufu eneekuten-derezanga? enebuuliranga amazima go?
- 10 Wulira, ai Mukama, onsaasire: Mukama, ggwe beera omubeezi wange.
- 11 Onfuulidde okunakuwala kwange okuzina; Onziyeeko ebibukutu byange, onnyambazizza essanyu:
- 12 Ekitiibwa kyange kiryoke kikuyimbirenga okukutendereza, so kiremenga okusirika. Ai Mukama Katonda wange, naakwebazanga emirembe gyonna.

Essuula 31

- 1 Ai Mukama, nkwesiga ggwe; nneme okuswazibwanga emirembe gyonna: Ondokole mu butuukirivu bwo.
- 2 Ontegere okutu kwo; yanguya okundokola: Obeerenga gye ndi olwazi olw'amaanyi,

- ennyumba enkomere okumponya,
- 3 Kubanga ggwe oli lwazi lwange era ekigo kyange; Kale ku lw'erinnya lyo onkulembere onnuamyee.
 - 4 Onziye mu kyambika kye banteze enkiso; Kubanga ggwe oli bbugwe wange.
 - 5 Mpaayo omwoyo gwange mu mukono gwo: Ggwe wannunula, ai Mukama, ggwe Katonda ow'amazima.
 - 6 Nkyawa abo abalwooza ebigambo eby'obulimba ebitaliimu: Naye neesiga Mukama.
 - 7 Naasanyukanga, naajaguzanga olw'okusaasira kwo: Kubanga walaba ebibonoobono byange; Wamanya emmeeme yange mu kulaba ennaku:
 - 8 So tewanziyiza kukwatibwa mukono ogw'omulabe; Ebigere byange wabissa mu kifo ekigazi.
 - 9 Onsaasire, ai Mukama, kubanga zinsanze: Eriiso lyange liweddemu olw'okunakuwala weewaawo, emmeeme yange n'omubiri gwange.
 - 10 Kubanga obulamu bwange buyita n'okutegana, n'emyaka gyange giyita n'okusinda. Amaanyi gange gampweddemu olw'okwonona kwange, n'amagumba gange gakoze.
 - 11 Ku lw'abalabe bange bonna nfuuse ekivume, Weewaawo, eri abaliraanwa bange ennyo, era nfuuse entiisa eri mikwano gyange: Abandaba mu kkubo ne banziruka.
 - 12 Nneerabiddwa ng'omufu atalwoozebwa: Nfaanana ng'ekibya ekyatise.
 - 13 Kubanga nawulira okuwaayiriza kw'abangi, Ensisi yanneetooloola: Bwe baali bateesa ebigambo awamu ku nze, Ne basala amagezi okunziyako obulamu bwange.
 - 14 Naye nakwesiga ggwe, ai Mukama: Nayogera nti Ggwe Katonda wange.
 - 15 Entuuko zange ziri mu mukono gwo: Ondokole mu mukono gw'abalabe bange n'abo abanjigganya.
 - 16 Amaaso go gaakire omuddu wo: Ondokole mu kisa kyo.
 - 17 Nnemenga okukwatibwa ensanyi, ai Mukama; kubanga nkukoowodde ggwe: Ababi bakwatibwenga era basirikenga mu magombe.
 - 18 Emimwa egy'obulimba gisiruwalenga; Egyogera ku batuukirivu n'ekyejo, N'amalala n'okunyooma.
 - 19 Obulungi bwo nga bungi bwe waterekera abo abakutya, Bwe wakolera abakwesiga, mu maaso g'abaana b'abantu!
 - 20 Gy'oli awakwekebwa w'onoobakisanga enkwe z'abantu: Onoobakuumiranga mu weema mu kyama eri ennimi eziyomba.
 - 21 Atenderezebwenga Mukama: Kubanga andaze ekisa kye eky'ekitalo mu kibuga ekiriko ekigo.
 - 22 Nze nayogera nga nnyanguyiriza nti Nzikiridde mu maaso go: Naye wawulira eddoozi ery'okwegayirira kwange bwe nnakukoowoola.
 - 23 Kale mumwagalenga Mukama, mwenna abatukuvu be: Mukama awonya abeesigwa, Era asasulira ddala mu bungi akola eby'amalala.
 - 24 Muddengamu amaanyi, mugumenga omwoyo gwammwe, Mwenna abasuubira mu Mukama.

Essuula 32

- 1 Aweereddwa omukisa asonyiyiddwa ekyonoono kye n'ekibi kye kikwekeddwa.
- 2 Aweereddwa omukisa Mukama gw'atabalira butali butuukirivu. Ne mu mwoyo gwe temuli bukuusa.
- 3 Bwe nnasirikanga, amagumba gange gaakaddiwanga, Olw'okukaaba kwange obudde okuziba.
- 4 Kubanga emisana n'ekiro omukono gwo gwanzitoowereranga: Amazzi gange ne

gakaliranga ng'olw'omusana ogw'ekyeya.(Seera)

- 5 Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka: Nayogera nti Mukama naamwatulira ebyonoono byange; Naawe n'onsonyiwa obutali butuukirivu obw'ekibi kyange. (Seera)
- 6 Ku lw'ekyo buli atya Katonda akusabenga mu biro by'oyinza okulabikiramu: Mazima mu ntaba ez'amazzi amangi tebalituuka gy'ali.
- 7 Oli bwekweko bwange; ononkuumanga mu kulaba ennaku; Ononneetooloozanga ennyimba ez'obulokozi. (Seera)
- 8 Naakuyigirizanga naakulanganga mu kkubo ly'onooyitangamu: Naakuteesezanga ebigambo eriiso lyange nga liri ku ggwe.
- 9 Temuba nga mbalaasi, n'ennyumbu, ezitalina magezi: Ezigwanira okusibibwa ekyuma n'olukoba okuziziyiza, Awatali ebyo, tezirijja gy'oli.
- 10 Ababi banaalabanga ennaku nnyingi: Naye oyo eyeesiga Mukama okusaasirwa kunaamwetooloolanga.
- 11 Musanyukire Mukama, mujaguze, mmwe abatuukirivu: Mwogerere waggulu olw'essanyu, mwenna abalina omutima ogw'amazima.

Essuula 33

- 1 Musanyukire Mukama, mmwe abatuukirivu: Okutendereza kusaanira abalina omwoyo ogw'amazima.
- 2 Mumwebaze Mukama n'ennanga: Muyimbe okumutendereza n'ennanga ey'engoye kkumi.
- 3 Mumuyimbire oluyimba oluggya; Mukube ennanga n'amagezi n'eddooboozi ddene.
- 4 Kubanga ekigambo kya Mukama kigolokofu; N'omulimu gwe gwonna (agukola) mu bwesigwa.
- 5 Ayagala obutuukirivu n'amazima: Ensi ejjudde ekisa kya Mukama.
- 6 Mu kigambo kya Mukama eggulu lyakolebwa; N'eggye lyamu lyonna (lyakolebwa) n'omukka ogw'akamwake.
- 7 Amazzi ag'omu nnyanja agakuaanya ng'entuumo: Atereka amadubi mu mawanika.
- 8 Ensi zonna zityenga Mukama: Bonna abali mu nsi zonna bamukankanirenga.
- 9 Kubanga yayogera ne kikolebwa; Yalagira ne kinywera.
- 10 Mukama aggyawo okuteesa kw'amawanga: Adibya ebirowoozo by'abantu.
- 11 Okuteesa kwa Mukama kunywera ennaku zonna, N'ebirowoozo by'omutima gwe okutuusa emirembe gyonna.
- 12 Eggwanga eririna Mukama okuba Katonda waalyo liweereddwa omukisa; Abantu be yalonda okuba obusika bwe ye.
- 13 Mukama alengera ng'ayima mu ggulu; Atunuulira abaana b'abantu bonna;
- 14 Ng'ayima mu kifo eky'ekisulo kye alaba Ku abo abali mu nsi bonna;
- 15 Abumba emitima gyabwe bonna, Alowooza ebikolwa byabwe byonna.
- 16 Tewali kabaka alokoka olw'eggye okuba eringi: Omuzira tawonyezebwa maanyi mangi.
- 17 Embalaasi kye kintu ekitaliimu ku bulokozi: So teewonyenga muntu olw'amaanyi gaayo amangi.
- 18 Laba, eriiso lya Mukama liri ku abo abamutya, Ku abo abasuubira mu kusaasira kwe;
- 19 Okuwonyanga emmeeme yaabwe okufa, N'okubakuumanga abalamu mu njala.
- 20 Emmeeme yaffe erindiridde Mukama: Oyo ye mubeezi waffe, era ye ngabo yaffe.
- 21 Kubanga omutima gwaffe gunaasanyukira oyo, Kubanga twesize erinnya lye ettukuvu.
- 22 Okusaasira kwo, ai Mukama, kubeerenga ku ffe, Nga ffe bwe tusuubira mu ggwe.

Essuula 34

- 1 Neebazanga Mukama mu biro byonna: Ettendo lye liri mu kamwa kange bulijjo.
- 2 Emmeeme yange eneenyumiririzanga mu Mukama: Abawombeefu baliwulira, balisanyuka.
- 3 Mumukuze Mukama wamu nange, Tugulumize erinnya lye fenna.
- 4 Nanoonya Mukama, n'anziramu, N'andokola mu kutya kwange kwonna.
- 5 Baamutunuulira, ne balaba omusana: Era amaaso gaabwe tegaakwatibwenga nsonyi emirembe gyonna.
- 6 Omunaku ono yakoowoola, Mukama n'amuwulira, N'amulokola mu nnaku ze zonna.
- 7 Malayika wa Mukama asiisira okwetooloola abo abamutya, N'abalokola.
- 8 Mulege mutegeere Mukama nga mulungi: Aweereddwa omukisa oyo amwesiga.
- 9 Mutyenga Mukama, mmwe abatukuvu be: Kubanga tebabulwa kintu abamutya.
- 10 Obwana bw'empologoma bubulwa ne bulumwa enjala: Naye abanoonya Mukama tebaabulwenga kintu kirungi kyonna.
- 11 Mujje, mmwe abaana abato, mumpulire: Naabayigirizanga okutya Mukama.
- 12 Muntu ki ayagala obulamu, Era eyeegomba ennaku (ennyingi), alyoke alabe obulungi?

- 13 Ziyizanga olulimi lwo mu bubu, N'emimwa gyo obutoogeranga bukuusa.
- 14 Va mu bubu, okulenga obulungi; Noonyanga emirembe, ogigobererenga.
- 15 Amaaso ga Mukama galaba abatuukirivu, N'amatu ge gawulira okukaaba kwabwe.
- 16 Obwenyi bwa Mnkama bubu ku abo abakola obubi, Amalemu okujjukirwa kwabwe mu nsi.
- 17 Abatuukirivu baakoowoola, Mukama n'awulira, N'abalokola mu nnaku zaabwe zonna.

- 18 Mukama ali kumpi n'abo abalina omutima ogumenyese. Era awonya abalina omwoyo oguboneredde.
- 19 Ebibonoobono eby'omutuukirivu bye bingi: Naye Mukama amulokola mu byonna.
- 20 Akuuma amagumba ge gonna: Linnaago erimu terimenyeka.
- 21 Obubi bulitta omubi: N'abo abakyawa omutuukirivu balisingibwa omusango.
- 22 Mukama anunula emmeeme y'abaddu be: So tewali mu bo abamwesiga alisingibwa omusango.

Essuula 35

- 1 Wakana, ai Mukama, n'abo abawakana nange: Lwana n'abo abalwana nange.
- 2 Kwata engabo n'akagabo, Oyimirire okunnyamba.
- 3 Era sowola n'effumu, ozibire ekkubo abo abanjigganya: Ogambe emmeeme yange nti Nze bulokozi bwo.
- 4 Bakwatibwe ensonyi baswazibwe abanjigganya emmeeme yange: Bazzibwe ennyuma beeraliikirizibwe abateesa okunkola obubi.
- 5 Babeere ng'ebisusunku ebitwalibwa n'empewo, Era malayika wa Mukama ng'abagoba.
- 6 Ekkubo lyabwe libeere ekizikiza n'obuseerezi. Era malayika wa Mukama ng'abayiganya.
- 7 Kubanga awatali nsonga bankisizza mu bunny ekyambika kyabwe, Awatali nsonga basimide emmeeme yange.
- 8 Okuzikirira kumujjeko nga talaba; N'ekyambika kye kye yakisa kimukwate ye yennyini: Akigwemu n'okuzikirira:
- 9 N'emmeeme yange erisanyukira Mukama: Erijaguliza obulokozi bwe.

- 10 Amagumba gange gonna galyogera nti Mukama, ani afaanana nga ggwe, Awonya omwavu eri oyo amusinga amaanyi, Awonya omwavu n'omunafu eri oyo amunyaga?
- 11 Abajulirwa abatali batuukirivu bagolokose; Bambuuzza ebigambo bye ssimanyi.
- 12 Bansasula obubi ku lw'obulungi, Okweraliikiriza emmeeme yange.
- 13 Naye nze, bwe baalwala, nayambala bibukutu: Ne nteganya emmeeme yange n'okusi-iba; N'okusaba kwange ne kudda mu kifuba kyange.
- 14 Ne mba nga bwe nnaakubadde, singa yali mukwano gwange oba muganda wange: Ne nkutama ne nnakuwala ng'afiriddwa nnyina:
- 15 Naye bwe nnawenyera nze, ne basanyuka, ne bakuaana: Abagwagwa ne bankuaanirako, ne ssimanya; Ne banjuza, ne batalekaayo:
- 16 Ng'abo abatatyia Katonda abaduula mu mbaga, Bwe baaluma obujigi bwe batyo, nga bansunguwalira.
- 17 Mukama, olituusa wa okutunula obutunuzi? Wonya emmeeme yange mu kuzikiriza kwabwe, Kaganzi kange mu mpologoma.
- 18 Ndikwebaliza mu kibiina ekinene: Ndikutenderereza mu bantu abangi.
- 19 Abo abalabe bange baleme okunsanyukirako n'obulimba: Era abankyawa awatali nsonga baleme okutemya ekikowe.
- 20 Kubanga teboogera mirembe: Naye bateesa ebigambo eby'obulimba ku abo abaterera mu nsi.
- 21 Era banjasaamiririra ddala akamwa kaabwe; Ne boogera nti Ggwe, ggwe, eriiso lyaffe lyakiraba.
- 22 Ggwe wakiraba, si Mukama; tosirika: Ai Mukama, tombeera wala.
- 23 Golokoka, ozuukuke okunsalira omusango, Era olw'ensonga yange, Katonda wange era Mukama wange.
- 24 Onsalire omusango, ai Mukama Katonda wange, ng'obutuukirivu bwo bwe buli; So tobaganya kunsanyukirako;
- 25 Baleme okwogera mu mutima gwabwe nti Bw'otyo bwe twagala bwe tutyo: Baleme okwogera nti Tumumize bugobo.
- 26 Bakwatibwe ensonyi baswazibwe bonna abasanyukira nze okulaba akabi: Bambale ensonyi n'okunyoombwa abanneegulumirizaako.
- 27 Boogerere waggulu olw'essanyu, bajaguze, abayamba ensonga yange ey'obutuukirivu: Era boogerenga bulijjo eri Mukama agulumizibwe, Asanyukira omukisa ogw'omuuddu we.
- 28 N'olulimi lwange lunaayogeranga ku butuukirivu bwo, Ne ku ttendo lyo obudde okuziba.

Essuula 36

- 1 Ekyonoono ky'omubi kyogerera mu mutima gwange nti Tewali kutya Katonda mu maaso ge.
- 2 Kubanga yeenyumiririza mu maaso ge ye, Ng'obutali butuukirivu bwe tebulirabika ne bukyayibwa.
- 3 Ebigambo eby'akamwa ke bwe butali butuukirivu n'obulimba: Alese okuba n'amagezi n'okukola obulungi.
- 4 Ateesa obutali butuukirivu ku kitanda kye; Yeeteeka mu kkubo eritali ddungi; Takyawa bubu.
- 5 Ekisa kyo, ai Mukama, kiri mu ggulu Obwesige bwo bubuna ebbanga.
- 6 Obutuukirivu bwo buli ng'ensozi za Katonda; Emisango gyo bwe buziba obunene: Ai Mukama, ggwe owonya abantu n'ebisolo.
- 7 Ekisa kyo, ai Katonda, nga kya muwendo mungi! Era abaana b'abantu baddukira

wansi w'ekisiikirize eky'ebiwaawaatiro byo.

- 8 Banakkusibwanga ddala obugevву obw'ennyumba yo. Era onoobanywesanga ku mugga ogw'essanyu lyo.
- 9 Kubanga w'oli we wali oluzzi olw'obulamu: Mu musana gwo naffe mwe tunaalabiranga omusana.
- 10 Kale yongera ekisa kyo eri abo abakumanya; N'obutuukirivu bwo eri abo abalina omutima ogw'amazima.
- 11 Toganya kigere kya malala okunjijirako, Newakubadde omukono gw'omubi okungoba.
- 12 Eri gye bagudde abakola obutali butuukirivu; Bameggeddwa wansi, so tebaayinzenga kuyimuka.

Essuula 37

- 1 Teweeraliikiriranga lw'abo abakola obubi, So tokwatibwanga buggya ku abo abakola ebitali bya butuukirivu.
- 2 Kubanga balisalwa mangu ng'essubi, Baliwotoka ng'omuuddo ogumera.
- 3 Weesigenga Mukama, okolenga obulungi; Beeranga mu nsi, ogobererenga obwesigwa.
- 4 Era sanyukiranga Mukama: Naye anaakuwanga omutima gwo bye gusaba.
- 5 Olugendo lwo oluyiringisizenga ku Mukama; Era weesigenga oyo, naye anaakituukirizanga.
- 6 Era anaayolesanga obutuukirivu bwo ng'omusana, N'omusango gwo ng'ettuntu.
- 7 Sirika eri Mukama, omulindirirenga n'okugumiikiriza: Teweeraliikiriranga lw'oyo alaba ebirungi mu kkubo lye, Olw'omuntu atuukiriza enkwe ez'obubi.
- 8 Lekanga obusungu, ovenga mu kiruyi: Teweeraliikiriranga; okwagala obwagazi okuleta obubi.
- 9 Kubanga abakola obubi balizikirizibwa: Naye abalindirira Mukama abo be balisikira ensi.
- 10 Kubanga waliba akaseera katono, n'omubi talibeerawo. Weewaawo, ekifo kye olikitunuulira ddala, naye talibeerawo.
- 11 Naye abawombeefu balisikira ensi: Era banaasanyukiranga emirembe emingi.
- 12 Omubi yeekoba ku mutuukirivu, Era aluma bujigi ng'amusunguwalidde.
- 13 Mukama alimusekerera: Kubanga alaba ng'olonaku lwe lujja.
- 14 Ababi basowodde ekitala, baleeze omutege gwabwe; Okusuula omwavu n'omunafu, Okutta abo abatambulira mu kkubo n'amazima.
- 15 Ekitala kyabwe kirifumita omutima gwabwe bo, N'emitege gyabwe girimenyeka.
- 16 Ebitono omutuukirivu by'alina Bisinga obugagga obw'ababi abangi.
- 17 Kubanga emikono gy'ababi girimenyeka: Naye Mukama anyweza abatuukirivu.
- 18 Mukama amanyi ennaku z'abo abatuukiridde: N'obusika bwabwe bunaabeeranga bwa mirembe gyonna.
- 19 Tebaakwatibwenga nsonyi mu biro eby'akabi: Ne mu nnaku ez'enjala banakkutanga.
- 20 Naye ababi balibula, N'abalabe ba Mukama baliba ng'ekisinga amasavu mu birundibwa: Balibula; balibulira ddala mu mukka.
- 21 Omubi yeewola, n'atasasula nate: Naye omutuukirivu akola eby'ekisa, agaba.
- 22 Kubanga abaweebwa omukisa gwe balisikira ensi; N'abo abakolimirwa ye balizikirizibwa.
- 23 Olugendo olw'omuntu lunywezebwa Mukama; Era asanyukira ekkubo lye.
- 24 Newakubadde ng'agwa, talisuulirwa ddala wansi: Kubanga Mukama amunyweza n'omukono gwe.

- 25 Nali muto, kaakano nkaddiye; Naye , sirabanga mutuukirivu ng'alekeddwa, Newakubadde ezzadde lye nga basaba emmere.
- 26 Obudde okuziba akola eby'ekisa, n'awola; N'ezzadde lye liweebwa omukisa.
- 27 Ovenga mu bubu, okolenga obulungi; Obeerengawo emirembe n'emirembe.
- 28 Kubanga Mukama ayagala ensonga, Era taleka batukuvu be; Bakuumbwa emirembe gyonna: Naye ezzadde ery'omubi lirizikirizibwa.
- 29 Abatuukirivu balisikira ensi, Banaagibeerangamu emirembe gyonna.
- 30 Akamwa k'omutuukuivu koogera eby'amagezi, N'olulimi lwe lubuulira ensonga.
- 31 Amateeka ga Katonda we gabeera mu mutima gwe; Mu lugendo lwe lwonna taaseerenga.
- 32 Omubi atunuulira omutuukirivu, Ng'ayagala okumutta.
- 33 Mukama talimuleka mu mukono gwe, So talimusinza bw'alisalirwa omusango.
- 34 Lindiriranga Mukama, okwatenga ekkubo lye, Naye alikugulumiza okusikira ensi: Ababi bwe balizikirizibwa oliraba.
- 35 Nalaba omubi ng'alina obuyinza obungi, Era ng'agulumidde ng'omuti ogumeze ku ttaka lyagwo.
- 36 Naye bwe baayita, laba, taliwo: Era namunoonya, naye teyalabika.
- 37 Weekalirizenga oyo atuukiridde, olabenga ow'amazima: Kubanga enkomerero ey'omuntu oyo mirembe.
- 38 Aboonoonyi, bo balizikirizibwa bonna: Enkomerero ddala ey'omubi erizikirizibwa.
- 39 Naye obulokozi obw'abatuukirivu buva eri Mukama: Oyo kye kigo kyabwe mu biro eby'okulabiramu ennaku.
- 40 Era Mukama abayamba, n'abawonya: Abawonya eri ababi, n'abalokola, Kubanga beeyunye oyo.

Essuula 38

- 1 Ai Mukama, tonnenya mu busungu bwo: So tombuuliririra mu kiruyi kyo ekibuubuuka.
- 2 Kubanga obusaale bwo bunkwatidde ddala, N'omukono gwo gunnyigirizza nnyo.
- 3 Temuli bulamu mu mubiri gwange olw'okunyiiga kwo; So temuli kuwona mu magumba gange olw'okwonoona kwange.
- 4 Kubanga obutali butuukirivu bwange buyiise ku mutwe gwange. Ng'omugugu omunene bunzitooweredde bunnemye.
- 5 Ebiwundu byange biwunya era bivunze, Olw'obusirusiru bwange.
- 6 Nnumiddwa, nkutamizibwa nnyo; Ntambula nga nkaaba obudde okuziba.
- 7 Kubanga ekiwato kyange kijjudde okwokya; So temuli bulamu mu mubiri gwange.
- 8 Nnyongobera, mmenyesemenyese: Mpulugumye olw'okweraliikirira kw'omutima gwange.
- 9 Mukama, bye njagala byonna biri mu maaso go; N'okusinda kwange tekukukisibwa.
- 10 Omutima gwange guntundugga, amaanyi gange gampweddemu: Omusana ogw'amaaso gange, era nagwo gumbuze.
- 11 Abanjagala ne mikwano gyange beewala ekibonoobono kyange; Ne baganda bange bayimirira wala.
- 12 Era n'abo abanjigganya obulamu bwange banteega; N'abo abaagala nze okulaba akabi boogera eby'ettima, Era balowooza eby'obulimba obudde okuziba.
- 13 Naye nze, ng'omuzibe w'amatu, ssiwulira; Era nninga omusiru atayasama kamwa ke.
- 14 Mazima, nninga omuntu atawulira, Ne mu kamwa ke temuli kunenya.
- 15 Kubanga eri ggwe, ai Mukama, gye nsuubira: Oliddamu, ai Mukama Katonda wange.
- 16 Kubanga nayogera nti Baleme okunsanyukirako: Ekigere kyange bwe kiseerera,

banneegulumirizaako.

- 17 Kubanga nze ndi kumpi n'okuwenyera, N'ennaku zange ziri mu maaso gange bulijjo.
- 18 Kubanga naayatulanga obutali butuukirivu bwange; Naanakuwalanga olw'okwonoona kwange.
- 19 Naye abalabe bange balamu, balina amaanyi: N'abo abankyawa olw'obulimba beeyongedde.
- 20 Era n'abo abasasula obubi olw'obulungi. Be balabe bange, kubanga ngoberera ebigambo ebirungi.
- 21 Tondeka, ai Mukama: Ai Katonda wange, tombeera wala.
- 22 Yanguwa okunnyamba, Ai Mukama, obulokozi bwange.

Essuula 39

- 1 Nayogera nti Neekuumanga amakubo gange, Nnemenga okwonoonya olulimi lwange: Naasibanga akamwa kange n'olukoba, Omubi ng'ali mu maaso gange.
- 2 Nasiruwala obutayogera, nasirika, newakubadde ebirungi saabyogera; Okunakuwala kwange ne kweyongerera.
- 3 Omutima gwange ne gwaka munda yange; Bwe nnali ndowooza, omuliro ne gukoleera: Ne ndyoka njogera n'olulimi lwange:
- 4 Mukama, ontegeeze enkomerero yange, N'ekigera eky'ennaku zange bwe kiri; Ntegeere bwe ndi omumenyefu.
- 5 Laba, ennaku zange wazikola ng'enta; N'obulamu bwange buli nga si kintu gy'oli: Mazima, buli muntu, bw'anywerera ddala, mukka bukka. (Seera)
- 6 Mazima buli muntu atambula mu kifaananyi ekitaliimu. Mazima, beeraliikiririra bwereere: Akuuma obugagga, so tamanya agenda okubutwala.
- 7 Ne kaakano, Mukama, nnindirira ki? Mu ggwe mwe nnina essuubi.
- 8 Onziye mu byonoono byange byonna; Tonfuula kivume kya basirusiru.
- 9 Nasiruwala, saayasanya kamwa kange; Kubanga wakikola.
- 10 Onzigyeko omuggo gwo: Mmaliddwamu amaanyi olw'okukuba kw'omukono gwo.
- 11 Bw'obuuliriranga omuntu n'okunyenya olw'obutali butuukirivu, Omumaliramu ddala obulungi bwe, ng'ennyenje: Mazima, buli muntu mukka. (Seera)
- 12 Wulira okusaba kwange, ai Mukama, okkirize okukaaba kwange; Tosirikira maziga gange: Kubanga nze ndi mugenyi gy'oli, Omutambuze, nga bajjajja bange bonna bwe baali.
- 13 Onsaasire, ndyoke nziremu amaanyi, Nga sinnava muno ne ssibeerawo.

Essuula 40

- 1 Nalindirira Mukama n'okugumiikiriza; N'antegera okutu, n'ampulira okukaaba kwange.
- 2 Era n'anziya mu bunnya obw'okuzikirira, mu bitositosi; N'ateeka ebigere byange ku lwazi, n'anyweza okugenda kwange.
- 3 Era n'oluyimba oluggya alussizza mu kamwa kange, kwe kutendereza Katonda waffe: Bangi abanaalabanga, ne batya, Ne beesiga Mukama.
- 4 Aweereddwa omukisa omuntu eyeesiga Mukama, N'atabassaamu ekitiibwa ab'amalala newakubadde abakyamira mu bulimba.
- 5 Ebikolwa eby'ekitalo bye wakola, ai Mukama Katonda wange, bingi, N'ebirowooza byo ebiri gye tuli: Tebiyinzika kukulongookera kinnakimu; Singa mbadde njagala okubibuulira n'okubyogerako, Tebibalika obungi.
- 6 Ssaddaaka n'ebiweebwayo tobisanyukira; Amatu gange ogawulizza: Ebyokebwa

n'ebiwewayo olw'ebibi tewabyagala.

- 7 Ne ndyoka njogera nti Laba nzize; Mu muzingo ogw'ekitabo ekyampandiikwako:
- 8 Nsanyuka okukola by'oyagala, ai Katonda wange; Weewaawo, amateeka go gali mu mutima gwange munda.
- 9 Mbuulidde obutuukirivu mu kibiina ekinene; Laba, ssiibunizenga mimwa gyange, Ai Mukama, ggwe omanyi.
- 10 Sikwekanga butuukirivu bwo mu mutima gwange munda; Mbuulidde obwesige bwo n'obulokozi bwo: Ekisa kyo n'amazima go sibikisanga ekibiina ekinene.
- 11 Naawe, ai Mukama, tonnyima kusaasira kwo okulungi: Ekisa kyo n'amazima go binkuumenga ennaku zonna.
- 12 Kubanga obubi obutabalika bunneetoolodde, Obutali butuukirivu bwange buntuuseeko n'okuyinza ne ssiyinda kutunula waggulu; Businga enviiri ez'oku mutwe gwange obungi, era omutima gwange gundese.
- 13 Kkiriza, ai Mukama, okumponya: Yanguwa okunnyamba, ai Mukama.
- 14 Bakwatibwe ensonyi baswazibwe bonna wamu. Abanoonya emmeeme yange okugizikiriza: Bazzibwe ennyuma banyoomebwe Abo abasanyukira nze okulaba akabi.
- 15 Balekebwe olw'ensonyi zaabwe Abo abansooza.
- 16 Bonna abakunoonya bakusanyukire bajaguze: Abo abaagala obulokozi bwo boogerenga bulijjo nti Mukama agulumizibwe.
- 17 Naye nze ndi mwavu, neetaaga; Mukama andowooza: Ggwe oli mubeezi wange era omulokozi wange; Tolwawo, ai Katonda wange.

Essuula 41

- 1 Aweereddwa omukisa oyo ajjukira omwavu: Mukama alimulokola ku lunaku olw'akabi.
- 2 Mukama anaamukuumanga, anaamuwonyanga, era anaaweebwanga omukisa mu nsi; So tomuwangayo eri abalabe be okumukola bye baagala.
- 3 Mukama anaamujjanjabanga ng'ayongobera ku kitanda: Ggwe olongooseza ddala ekiriri kye bw'alwala.
- 4 Nayogera nti Ai Mukama, onsaasire: Omponye emmeeme yange: kubanga nnyonoonye ggwe.
- 5 Abalabe bange banjogerako obubi nti Alifa ddi, erinnya lye ne libula?
- 6 Era ne bw'ajja okundaba, ayogera ebitaliimu; Omutima gwe gwekuaanyiza obutali butuukirivu: Bw'ava mu nnyumba, abubuulira.
- 7 Bonna abankyawa bangeyera wamu: Bateesa ebigambo okunkola akabi.
- 8 Boogera nti Endwadde embi emukutte: Kaakano bw'agalamidde, tagenda kugolokoka nate.
- 9 Era ne munnange mukwano gwange nze, gwe nneesiga, eyalyanga ku mmere yange, Ansitulidde ekisinziro kye.
- 10 Naye ggwe, ai Mukama, onsaasire, ongolokose, Ndyoke mbawalanire eggwanga.
- 11 Kyenvudde mmanya ng'onsanyukira, Kubanga omulabe wange tampangula.
- 12 Naye nze, onnyweza nze mu butuukirivu bwange, Era onteeka mu maaso go ennaku zonna.
- 13 Atenderezebwenza Mukama, Katonda wa Isiraeri, Okuva mu mirembe gyonna okutuusa emirembe n'emirembe. Amiina, era Amiina.

Essuula 42

- 1 Ng'empeewo bw'ewejjawejja olw'amazzi, Bw'etyo n'emmeeme yange

bw'ewejjawejja ku lulwo, ai Katonda.

- 2 Emmeeme yange erumwa enjala ku lwa Katonda, ku lwa Katonda omulamu: Ndituuka ddi ne ndabika mu maaso ga Katonda?
- 3 Amaziga gange ye mmere yange emisana n'ekiro, Bwe baamba obudde okuziba nti Katonda wo ali luda wa?
- 4 Bino mbijjukira, ne nfuuka emmeeme yange munda yange, Bwe nnagenda n'ekibiina, ne mbatwala mu nnyumba ya Katonda, N'eddoboozi ery'essanyu n'ery'okutendereza, ekibiina ekyegendereza olunaku.
- 5 Kiki ekikukutamizza, emmeeme yange? Kiki ekikweraliikiriza munda yange? Suubira eri Katonda: kubanga edda ndimutendereza Olw'obulamu obw'amaaso ge.
- 6 Ai Katonda wange, emmeeme yange ekutamye munda yange: Kyenva nkujjuukirira mu nsi ya Yoludaani, Ne ku nsozi Kerumooni, ne ku kasozi Mizali,
- 7 Obuziba bukoowoola obuziba amazzi go ageefuukuula bwe gayira: Amayengo go gonna n'amasingiisira go gampiseeko.
- 8 Naye Mukama anaalagiranga ekisa kyo emisana, N'ekiro oluyimba lwe lunaabeeranga nange. Kwe kusaba Katonda ow'obulamu bwange.
- 9 Ndigamba Katonda olwazi lwange nti Kiki ekikunneerabizza? Lwaki nze okugenda nga nkaaba olw'okujooga kw'omulabe?
- 10 Ng'ekitala mu magumba gange, abalabe bange banvuma; Nga baamba obutayosa nti Katonda wo ali ludda wa?
- 11 Kiki ekikukutamizza, emmeeme yange? Kiki ekikweraliikiriza munda yange? Suubira eri Katonda: kubanga edda ndimutendereza, Bwe bulamu obw'amaaso gange, era Katonda wange.

Essuula 43

- 1 Onsalire omusango, ai Katonda, era ompolereze ensonga eri eggwanga eritayya Katonda: Ondokole eri omuntu ow'obulimba atali mutuukirivu.
- 2 Kubanga ggwe oli Katonda wa maanyi gange; kiki ekikunsuuzizza ewala? Lwaki nze okugenda nga nkaaba olw'okujooga kw'omulabe?
- 3 Kale otume omusana gwo n'amazima go; ebyo binnuamyee: Bindeete ku lusozi lwo olutukuvu, Ne mu weema zo.
- 4 Ne ndyoka enda ku kyoto kya Katonda, Eri Katonda essanyu lyange eritasingika; Ne ku nnanga ndikutendereza, ai Katonda, Katonda wange.
- 5 Kiki ekikukutamizza, emmeeme yange? Kiki ekikweraliikiriza munda yange? Suubira eri Katonda: kubanga edda ndimutendereza, Bwe bulamu obw'amaaso gange; era Katonda wange.

Essuula 44

- 1 Twawuliranga n'amatu gaffe; ai Katonda, bajjajja baffe baatubuuliranga, Emirimu gye wakolanga mu nnaku zaabwe, mu nnaku ez'edda.
- 2 Amawanga wagagobamu n'omukono gwo, n'obasigamu bo; Wabonyaabonya amawanga, n'ogasaasaanyiza ddala.
- 3 Kubanga tebaalya nsi olw'ekitala kyabwe, Newakubadde omukono gwabwe si gwe gwabalokola: Wabula omukono gwo ogwa ddyo n'engalo zo, n'omusana ogw'amaaso go, Kubanga baalaba ekisa eri ggwe.
- 4 Ggwe oli kabaka wange, ai Katonda: Lagira obulokozi eri Yakobo.
- 5 Ku bubwo tulisindika abalabe baffe wansi: Olw'erinnya lyo tulirinnyirira abo abatu-golokokerako ffe.

- 6 Kubanga ssiryeesiga mutego gwange, So ekitala kyange si kye kirindokola.
- 7 Naye ggwe watulokola eri abalabe baffe, Era wabaswaza abatukyawa.
- 8 Mu Katonda mwe twenyumiririza obudde okuziba, Era tuneebazanga erinnya lyo emirembe gyonna. (Seera)
- 9 Naye kaakano otusudde wala, otukwasizza ensonyi; So totabaala n'eggye lyaffe.
- 10 Otuzza nnyuma eri abalabe: N'abo abatukyawa beenyagira.
- 11 Watuwaayo ng'endiga okuba ennyama; Watusaasaanya mu mawanga.
- 12 Abantu bo obatundira bwereere, So n'omuwendo gwabwe togwongezezza ku bugagga bwo.
- 13 Otufuula ekivume eri abaliraanwa baffe, Ekinyoomebwa, ekisekererwa eri abo abatwe-toolodde.
- 14 Otufuula olugero mu mawanga, Okunyeenzezebwa kw'omutwe mu bantu.
- 15 Obudde okuziba okunyoomebwa kwange kunjolekedde, N'ensonyi ez'amaaso gange zinsaanikidde,
- 16 Olw'eddoboozi ly'oyo aboggola, avuma; Olw'omulabe n'olw'oyo awalana eggwanga.
- 17 Ebyo byonna bitutuuseeko; naye tetukwerabidde, So tetukoze bya bulimba mu nda-gaano yo.
- 18 Omutima gwaffe teguzze nnyuma, So ebigere byaffe tebikyamyeye kuva mu kkubo lyo;
- 19 Ne we watumenyaamenya ennyo mu kifo eky'ebibe, N'otusaanikiza ekisiikirize eky'okufa.
- 20 Oba nga twerabidde erinnya lya Katonda waffe, Oba tugolodde emikono gyaffe eri katonda omuggya,
- 21 Ekyo Katonda talikikenneenya? Kubanga ebyama eby'omu mutima abimanyi.
- 22 Era tuttibwa obudde okuziba okulangibwa ggwe; Tuli ng'endiga ez'okusalibwa.
- 23 Zuukuka, kiki ekikwebasa, ai Mukama? Golokoka, totusuulanga wala emirembe gyonna.
- 24 Kiki ekikukwesezza amaaso go, N'ebibonoobono byaffe n'okujoogebwa n'obyer-abira?
- 25 Kubanga emmeeme yaffe ekutamye mu nfuufu: Olubuto lwaffe lwegasse n'ettaka.
- 26 Golokoka okutuyamba, Otununule olw'ekisa kyo.

Essuula 45

- 1 Omutima gwange gujjudde musera ekigambo ekirungi: Njogera ebigambo bye mpandiise bya kabaka: Olulimi lwange ye kkalaamu ey'omuwandiisi omwangu.
- 2 Ggwe osinga abaana b'abantu obulungi; Ekisa kifukiddwa ku mimwa gyo: Katonda kyeyava akuwa omukisa emirembe gyonna.
- 3 Weesibe ekitala kyo mu kiwato kyo, ggwe ow'amaanyi. Kye kitiibwa kyo n'obukulu bwo.
- 4 Ne mu bukulu bwo weebagale owangule, Olw'amazima n'obuwombeefu n'obutuukirivu: N'omukono gwo ogwa ddyo gulikuyigiriza eby'entiisa.
- 5 Obusaale bwo bwa bwogi; Amawanga gagwa wansi mu maaso go; Buli mu mutima gw'abalabe ba kabaka.
- 6 Entebe yo, ai Katonda, ya lubeerera emirembe gyonna: Omuggo ogw'obutuukirivu gwe muggo ogw'obwakabaka bwo.
- 7 Wayagala obutuukirivu, wakyawa obubi: Katonda, Katonda wo, kyavudde akuteekako Amafuta ag'essanyu okusinga banno.
- 8 Ebyambalo byo byonna biwunya kaloosa mooli ne akaloosi ne kasiya; Mu mayumba ag'amasanga ennanga zikusanyusizza.

- 9 Mu bakyala bo mulimu abambejja: Ku mukono gwo ogwa ddyo kaddulubaale ayimirira ng'ayambadde zaabu ya Ofiri.
- 10 Wulira, omuwala, olowooze, otege okutu kwo; Era weerabire ekika kyammwe, n'ennyumba ya kitaawo;
- 11 Bw' atyo kabaka anaayagalanga obulungi bwo: Kubanga ye Mukama wo; era omusinze.
- 12 N'omuwala wa Ttuulo alijja n'ekirabo; Era n'abagagga ab'omu bantu balikwegayirira ekisa kyo.
- 13 Omuwala wa kabaka munda mu lubiri wa kitiibwa kyereere: Olugoye lwe lukoled-dwamu ne zaabu.
- 14 Anaaleetebwa eri kabaka ng'ayambadde eby'amabala: Bawala banne abamugoberera Banaaleetebwa gy'oli.
- 15 Banaaleetebwa n'okusanyuka n'okujaguza: Banaayingira mu nnyumba ya kabaka.
- 16 Awali bakitaawo wanaabeeranga abaana bo, B'olifuula abalangira mu nsi zonna.
- 17 Najjukizanga erinnya lyo emirembe gyonna: Amawanga kyeganaavanga kwebaza emirembe n'emirembe.

Essuula 46

- 1 Katonda kye kiddukiro n'amaanyi gaffe, Omubeezi ddala atabula mu kulaba ennaku.
- 2 Kyetunaavanga tulema okutya, ensi ne bw'eneekyukanga, N'ensozi ne bwe zinaasigukanga mu buziba obw'ennyanja;
- 3 Amazzi gaayo ne bwe ganaayiranga ne bwe ganeekulumululanga, N'ensozi ne bwe zinaakankananga n'okwetabula kwayo. (Seera)
- 4 Waliwo omugga, emyala gyagwo gisanyusa ekibuga kya Katonda, Ekifo ekitukuvu eky'eweema z'oyo ali waggulu ennyo.
- 5 Katonda ali wakati waakyo; tekiisagaasaganenga: Katonda anaakibeeranga, anaakibeeranga enkya mu matulutulu.
- 6 Amawanga gaayoogaana, obwakabaka ne bwetabula: Yaleeta eddoozi lye, ensi n'esaanuuka.
- 7 Mukama w'eggye ali wamu naffe; Katonda wa Yakobo kye kiddukiro kyaffe. (Seera)
- 8 Mujje, mulabe ebikolwa bya Mukama, Okuzikiriza kwe yaleeta mu nsi.
- 9 Aggyawo entalo okutuusa ku nkomerero y'ensi; Amenya omutege, n'effumu alikutula; N'amagaali agookya omuliro.
- 10 Musirike mumanye nga nze Katonda: Naagulumizibwanga mu mawanga, Naagulumizibwanga mu nsi.
- 11 Mukama w'eggye ali wamu naffe; Katonda wa Yakobo kye kiddukiro kyaffe. (Seera)

Essuula 47

- 1 Mukale mukube mu ngalo, mmwe amawanga gonna; Mwogerere waggulu eri Katonda n'eddoozi ery'okuwangula.
- 2 Kubanga Mukama ali waggulu ennyo wa ntiisa: Ye kabaka omukulu: afuga ensi zonna.
- 3 Alijeemula abantu ne tubafuga, N'amawanga aligassa wansi w'ebigere byaffe.
- 4 Alitulondera obusika bwaffe, Okuwooma kwa Yakobo gwe yayagala. (Seera)
- 5 Katonda alinaye n'okwogerera waggulu, Mukama alinnye n'eddoozi ery'akagombe.
- 6 Muyimbe okutendereza Katonda, muyimbe okumutendereza; Muyimbe okutendereza Kabaka waffe, muyimbe okumutendereza:

- 7 Kubanga Katonda ye Kabaka w'ensi zonna: Muyimbe okumutendereza n'amagezi.
- 8 Katonda afuga amawanga: Katonda atuula ku ntebe ye entukuvu.
- 9 Abalangira ab'amawanga bakuaanye. Okubeera abantu ba Katonda wa Ibulayimu: Kubanga engabo ez'ensi za Katonda; Agulumizibwa nnyo.

Essuula 48

- 1 Mukama mukulu, agwanira okutenderezebwa ennyo, Mu kibuga kya Katonda waffe, ku lusozi lwe olutukuvu.
- 2 Olusozi Sayuuni lulungi mu kugulumira kwalwo, Lye ssanyu ery'ensi yonna, ku njuyi ez'obukiika obwa kkono, Ekibuga kya kabaka omukulu.
- 3 Katonda yeetegeezezza mu mayumba gaakyo nga kye kiddukiro.
- 4 Kubanga, laba, bakabaka baakuaana, Ne bayitamu wamu.
- 5 Ne bakiraba, ne balyoka beewunya; Ne batya, ne baanguwa okugenda.
- 6 Ensisi n'ebakwatira omwo; N'okulumwa, ng'omukazi azaala.
- 7 Omuyaga oguva ebuwanjuba Ogumenyesa amaato ag'e Talusiisi.
- 8 Nga bwe twawuliranga, bwe twalaba bwe tutyo mu kibuga kya Mukama w'eggye, mu kibuga kya Katonda waffe: Katonda anaakinywezanga emirembe gyonna. (Seera)
- 9 Twajjuukirira ekisa kyo, ai Katonda, Wakati mu yeekaalu yo.
- 10 Ng'erinnya lyo bwe liri, ai Katonda, Ettendo lyo bwe liri bwe lityo okutuusa enkomerero y'ensi: Omukono gwo ogwa ddyo gujjudde obutuukirivu.
- 11 Olusozi Sayuuni lusanyuke, Abawala ba Yuda bajaguze, Olw'emisango gyo.
- 12 Mutambule okwetooloola Sayuuni, mukibunye: Mubale ebigo byakyo.
- 13 Mwekalirize enkomera zaakyo. Mulwooze amayumba gaakyo; Mulyoke mubibuulire emirembe egigenda okujja.
- 14 Kubanga Katonda oyo ye Katonda waffe emirembe n'emirembe: Ye anaabeeranga omusaale waffe okutuusa ku kufa.

Essuula 49

- 1 Kino mukiwulire, mmwe amawanga gonna; Mutege okutu, mmwe mwenna abali mu nsi:
- 2 Abakopi era n'abakulu, Abagagga n'abaavu awamu.
- 3 Akamwa kange kanaayogera amagezi; N'omutima gwange gunaalwooza eby'okumanya.
- 4 Okutu kwange naakutegera olugero: Naabikkula ekigambo kyange ekizibu n'ennanga.
- 5 Lwaki nze okutya mu nnaku ez'akabi, Obutali butuukirivu bwe buneetooloola ku bisinziro byange?
- 6 Abeesiga obugagga bwabwe, Ne beenyumiriza olw'ebintu byabwe ebingi;
- 7 Mu abo siwali ayinza okununula muganda we n'akatono, Newakubadde okuwa Katonda omuwendo gwe:
- 8 (Kubanga ekinunulo eky'emmeeme yaabwe kizibu, Era ekigwanira okulekebanga emirembe gyonna:)
- 9 Alyoke awangaalenga ennaku zonna, Alemenga okulaba okuvunda,
- 10 Kubanga alaba ng'ab'amagezi bafa, Atamanyi n'omusirusiru bazikirira wamu, N'obugagga bwabwe ne babulekera abalala:
- 11 lowooza munda ng'ennyumba zaabwe za nnaku zonna, Ebifo byabwe bya mirembe gyonna; Batuuma ensi zaabwe amannya gaabwe bo.
- 12 Naye omuntu tabeerera mu kitiibwa: Ali ng'ensolo ezizikirira.
- 13 Ekkubo lyabwe eryo bwe busirusiru bwabwe: Naye abantu ababaddirira basiima

ebigambo byabwe: (Seera)

- 14 Bateekerwawo magombe ng'ekisibo; Okufa kunaabeeranga omusumba waabwe: Ab'amazima banaabafuganga obudde bwe bulikya; N'obulungi bwabwe buliba obw'emagombe, okubulya, buleme okubeera n'ekifo eky'okutuulamu.
- 15 Naye Katonda alinunula emmeeme yange mu maanyi ag'emagombe; Kubanga ye alinzikiriza. (Seera)
- 16 Totyanga ggwe omuntu bw'agaggawala, Ekitiibwa eky'ennyumba ye bwe kyeyongera:
- 17 Kubanga bw'alifa talitwala kintu: Ekitiibwa kye tekirikka kumugoberera:
- 18 Newakubadde nga yayita emmeeme ye ey'omukisa bwe yali ng'akyali mulamu, Era abantu bakutendereza bwe weekolera wekka obulungi,
- 19 Alikka mu mirembe gya bajjajja be; Tebaliraba musana nate.
- 20 Omuntu alina ekitiibwa n'atategeera, Ali ng'ensolo ezizikirira.

Essuula 50

- 1 Katonda, Katonda, Mukama, ayogedde, N'ayita ensi okuva mu buvanjuba okutuuka mu bugwanjuba. Katonda amasamasizza.
- 2 Okuva mu Sayuuni, obulungi obutuukiridde, Katonda amasamasizza.
- 3 Katonda waffe alijja, so talisirika; Omuliro gulirya mu maaso ge, Omuyaga omungi gulimwetooloola.
- 4 Alikoowoola eggulu waggulu, N'ensi, alyoke asalire abantu be omusango:
- 5 Mukuaanye abatukuvu bange awamu we ndi; Abaalagaana nange endagaano n'essadaaka.
- 6 N'eggulu liribuulira obutuukirivu bwe; Kubanga Katonda ye mulamuzi yennyini. (Seera)
- 7 Muwulire, abantu bange, nange naayogera; Ggwe Isiraeri, nange naakutegeeza; Nze Katonda, Katonda wo.
- 8 Siikunyenye lwa ssaddaaka zo; N'ebyokebwa byo biri mu maaso gange bulijjo.
- 9 Siriggya seddume mu nnyumba yo. Newakubadde embuzi ennume mu bisibo byo.
- 10 Kubanga buli nsolo ey'omu kibira yange, N'ente ez'oku nsozi lukumi.
- 11 Ennyonyi zonna ez'oku nsozi nzimanyi: N'ensolo ez'omu nsiko zange.
- 12 Singa nnumwa enjala, sandikubuulidde: Kubanga ensi yange, n'okujjula kwayo.
- 13 Nze naalyanga ennyama eya seddume, Oba naanywanga omusaayi gw'embuzi?
- 14 Owenga Katonda ssaddaaka ey'okwebaza; Osasulenga obweyamo bwo ali waggulu ennyo:
- 15 Era onkoowoolenga ku lunaku olw'okulaba ennaku; Ndikuwonya, naawe olingulumiza nze!
- 16 Naye omubi Katonda amugamba nti Ofaayo ki okubuulira amateeka gange, N'oyingiza endagaano yange mu kamwa ko?
- 17 Kubanga okyawa okuyigirizibwa, N'ebigambo byange obisuula ennyuma wo.
- 18 Bwe walaba omubbi walagaana naye, Era wassa ekimu n'abenzi.
- 19 Owaayo akamwa ko eri obubi, N'olulimi lwo lukola eby'obulimba.
- 20 Otuula ng'ovuma muganda wo; Era owaayiriza omwana wa nnyoko.
- 21 Ebyo wabikola, nange ne nsirika; N'olowooza nga nenkanankanira ddala naawe: Naye ndikunyenya, ne mbiteeka mu maaso go.
- 22 Kale mulowooze kino, mmwe abeerabira Katonda, Nneme okubataagulataagula, okubulawo alibawonya:
- 23 Buli ampa ssaddaaka ey'okwebaza angulumiza; Naye alongoosa obulungi ekkubo lye Ndimulaga obulokozi bwa Katonda.

Essuula 51

- 1 Onsaasire, ai Katonda, mu kisa kyo; Mu bungi obw'okusaasira kwo sangula ebyonoono byange byonna.
- 2 Onnaalize ddala mu bubu bwange, Onnongoose mu kwonoona kwange.
- 3 Kubanga njatula ebyonoono byange; N'ekibi kyange kiri mu maaso go bulijjo.
- 4 Ggwe, ggwe wekka, ggwe nnayonoona. Ne nkola ekibi mu maaso go: Obeere omutuukirivu bw'oyogera, Osinge omusango bw'osala.
- 5 Laba, nze natondebwa mu bubu; Ne mu kwonoona mmange mwe yanzaalira.
- 6 Laba, ggwe oyagala eby'omunda eby'amazima; Era mu mwoyo ogutalabika onomanyisa amagezi.
- 7 Ontukuze n'ezoobu, nange naaba mulungi: Onnaaze, nange naaba mutukuvu okusinga omuzira.
- 8 Ompulize essanyu n'okwesiima; Amagumba ge wamenya gasanyuke.
- 9 Okise amaaso go mu bibi byange, Osangule ebyonoono byange byonna.
- 10 Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda; Onzizeemu omwoyo omulungi munda yange.
- 11 Tongoba w'oli; So tonziyaako omwoyo gwo omutukuvu.
- 12 Onkomezeewo essanyu ery'obulokozi bwo: Onnyweze n'omwoyo ogw'eddembe.
- 13 Ne ndyoka njigiriza amakubo go aboononyi; N'abalina ebibi balikyukira gy'oli.
- 14 Omponye mu musango gw'omusaayi, ai Katonda, ggwe Katonda ow'obulokozi bwange;
- 15 Ai Mukama, yasanya emimwa gyange; N'akamwa kange kalyolesa ettendo lyo
- 16 Kubanga tosanyukira ssaddaaka; naakukuwadde; Ebiweebwayo ebyokebwa tebikuwoomera.
- 17 Ssaddaaka za Katonda ye mmeeme emenyese: Omutima ogumenyese era ogubonerredde, ai Katonda, toogugayenga.
- 18 Okole bulungi Sayuuni, nga bw'oyagala: Okolere Yersaalemi bbugwe.
- 19 N'olyoka osanyukira ssaddaaka ez'obutuukirivu, eby'okwokya n'eby'okwokya ebi- ramba: Ne balyoka bawaayo ente ku kyoto kyo.

Essuula 52

- 1 Lwaki okwenyumiriza mu ttima, ggwe omuzira? Okusaasira kwa Katonda kwa lubeerera.
- 2 Olulimi lwo luteesa eby'obubi obwereere; Ng'akamwano ak'obwogi, lukola n'obulimba.
- 3 Oyagala ebibi okusinga ebirungi, N'okulimba okusinga okwatula amazima. (Seera)
- 4 Oyagala ebigambo byonna ebiruma, Ggwe olulimi olw'obulimba.
- 5 Era ne Katonda bw'atyo anaakuzikirizanga emirembe gyonna, Alikusitula, alikukwakula, alikuggya mu weema yo, Alikusigula okuva mu nsi ey'abalamu. (Seera)
- 6 Era n'abatukirivu baliraba, balitya, Balimusekerera, nga boogera nti
- 7 Laba, ye wuuyo ataafuula Katonda maanyi ge; Naye ne yeesiga obugagga bwe obungi, Ne yeenyweza mu bubu bwe.
- 8 Naye nze nfaanana ng'omuzeyituuni oguloka ennyo mu nnyumba ya Katonda: Neesiga okusaasira kwa Katonda emirembe n'emirembe.
- 9 Naakwebazanga ennaku zonna, kubanga ggwe wakola bw'otyo : Era naalindiriranga erinnya lyo, kubanga ddungi, mu maaso g'abatukuvu bo.

Essuula 53

- 1 Omusirisiru ayogedde mu mutima gwe nti Tewali Katonda. Bavunze, bakoze obubi obw'omuzizo; Tewali akola bulungi.
- 2 Katonda yatunula ku baana b'abantu ng'ayima mu ggulu, Alabe nga waliwo abategeera, Abanoonya Katonda.
- 3 Buli muntu mu abo azze ennyuma; bonna bagwagwawadde wamu; Tewali akola bulungi, tewali n'omu.
- 4 Abakola obubi tebalina magezi? Abalya abantu bange, nga bwe balya emmere, Ne batakaabira Katonda.
- 5 Awatali kya kutya we batiira ennyo: Kubanga Katonda asaasaanyizza amagumba g'oyo akukolako olusiisira; Obakwasizza ensonyi, kubanga Katonda yabagoba.
- 6 Singa obulokovu bwa Isiraeri bulabise nga buvudde mu Sayuuni! Katonda bw'alikomiyawo abantu be abaanyagibwa, Yakobo n'alyoka asanyuka, Isiraeri alijaguza.

Essuula 54

- 1 Ndokola, ai Katonda, n'erinnya lyo, Onsalire omusango mu maanyi go.
- 2 Wulira okusaba kwange, ai Katonda; Otege okutu eri ebigambo eby'akamwa kange.
- 3 Kubanga bannaggwanga bangolokokeddeko, N'ab'ekyejo banoonyezza emmeeme yange: Tebateese Katonda mu maaso gaabwe. (Seera)
- 4 Laba, Katonda ye mubeezi wange: Mukama ali wamu n'abo abanyweza emmeeme yange.
- 5 Aliwalana obubi obwo ku balabe bange: Obazikirize mu mazima go.
- 6 Ssaddaaka ey'omwoyo ogw'eddembe gye ndikuwa ggwe: Neebazanga erinnya lyo, ai Mukama, kubanga ddungi.
- 7 Kubanga anziye mu kweraliikirira kwonna; N'eriiso lyange lirabye bye njagala nga bituuse ku balabe bange.

Essuula 55

- 1 Tega okutu eri okusaba kwange, ai Katonda; So teweekweka obutawulira kwegayirira kwange.
- 2 Mpulira, onziremu: Okwemulugunya kwange kunteganya, ne nsinda;
- 3 Olw'eddoboozi ly'omulabe, Olw'okujooga kw'ababi; Kubanga bansuulako ebikolwa ebibi, Era banjigganya mu busungu.
- 4 Omwoyo gunnuma nnyo munda yange: N'entiisa ey'okufa enguddeko.
- 5 Okutya n'okukankana kuntuuseeko, N'okwekanga kunnunbye.
- 6 Ne njogera nti Singa mbadde n'ebiwawaatiro ng'ejjiba Nandibuuse, ne enda, ne mpummula.
- 7 Laba, nandikyamidde wala, Nandisuze mu ddungu. (Seera)
- 8 Nandyanguye okudduka mu kiddukiro Okuva mu muyaga n'empewo ennyingi.
- 9 Bazikirize, ai Mukama, oyawule ennimi zaabwe: Kubanga ndabye ettima n'okuyomba mu kibuga.
- 10 Emisana n'ekiro batambulatambula ku bbugwe waakyo: Era obubi n'ettima biri wakati mu kyo.
- 11 Okwonoona kuli wakati mu kyo: Okujooga n'obukuusa tebiva mu nguudo zaakyo.
- 12 Kubanga omulabe si ye yanvuma; Nandiyinzizza okugumiikiriza: So si oyo eyankyawa eyanneegulumirizaako; Nandyekwese mu maaso ge:

- 13 Wabula ggwe, muntu munnange, Eyatambula nange, mukwano gwange gwe namanyiira ennyo.
- 14 Twateesanga ebigambo n'essanyu fembi, Twatambulanga mu nnyumba ya Katonda n'ekibiina.
- 15 Okufa kubatuukeko nga tebalowooza, Bakke mu bunnyya nga bakyali balamu: Kubanga obubi buli mu nnyumba yaabwe, mu bo wakati.
- 16 Nze naakaabiranga Katonda; Era Mukama anandokolanga.
- 17 Akawungeezi n'enkyane mu ttuntu neemulugunyanga ne nsindanga: Naye anaawuliranga eddoozi lyange.
- 18 Yanunula emmeeme yange mu mirembe mu lutalo olwali lugenda okunsinga: Kubanga abaali balwana nange bangi.
- 19 Katonda aliwulira, alibaddamu, ye oyo abeerera edda n'edda lyonna, (Seera) Alibaddamu abo abatalaba biggya, Abatya Katonda.
- 20 Yagolola emikono gye ku abo abaali batabaganye naye: Yanyooma endagaano ye.
- 21 Akamwa ke kaali kagonvu ng'omuzigo, Naye omutima gwe kulwana: Ebigambo bye byagonda okusinga amafuta, Naye byali bitala ebisowoddwamu.
- 22 Gussenga omugugu gwo ku Mukama, naye anaakuwaniriranga: Taaganyenga abatuukirivu okujjulukuka ennaku zonna.
- 23 Naye ggwe, ai Katonda, olibassa mu bunnyya obw'okuzikirira: Abantu abaagala omusaayi n'ab'obulimba tebalimala kitundu kya nnaku zaabwe; Naye nze neesiganga ggwe.

Essuula 56

- 1 Onsaasire, ai Katonda; kubanga abantu baagala okummira nze: Bazibya obudde nga balwana nga banjooga.
- 2 Abalabe bange baagala okummira obudde okuziba: Kubanga abalwana nange n'amalala bangi.
- 3 Buli lwe nnaatyanga, Neesiganga ggwe.
- 4 Mu Katonda ndyebaza ekigambo kye: Katonda gwe nneese, siritya; Ab'omubiri bayinza kunkola ki?
- 5 Bakyusa ebigambo byange okuzibya obudde: Ebirowoozo byabwe byonna bimbaako olw'obubi.
- 6 Beekuaanya, beekweka, Bakebera ebisinde byange, Nga bwe baateega emmeeme yange.
- 7 Baliwona olw'obutali butuukirivu? Mu busungu suula amawanga, ai Katonda.
- 8 Ggwe obala okutambulambula kwange: Oteeke amaziga gange mu kasumbi ko; Tegawandiikibwa mu kitabo kyo?
- 9 Abalabe bange ne balyoka badda ennyuma ku lunaku lwe ndikaabiriramu: Kino kye mmanyi, nga Katonda ali ku lwange.
- 10 Mu Katonda nditendereza ekigambo kye: Mu Mukama nditendereza ekigambo kye.
- 11 Katonda gwe nneese, siritya; Abantu bayinza okunkola ki?
- 12 Ebirayiro byo biri ku nze, ai Katonda: Ndisasula ssaddaaka ez'okwebaza eri ggwe.
- 13 Kubanga wawonya emmeeme yange okufa: Tewawonya bigere byange okwesittala? Ndyoke ntambule mu maaso ga Katonda mu musana ogw'abantu abalamu.

Essuula 57

- 1 Onsaasire, ai Katonda, onsaasire; Kubanga emmeeme yange yeeyuna ggwe: Weewaawo, mu kisiikirize eky'ebiwaawaatiro byo mwe nneeyunanga, Okutuusa

ebibonoobono ebyo lwe biriggwaawo.

- 2 Ndikoowoola Katonda ali waggulu ennyo; Katonda ankolera byonna.
- 3 Alituma ng'ayima mu ggulu, n'andokola, Oyo ayagala okummira bw'anyuma; (Seera) Katoada alituma okusaasira kwe n'amazima ge.
- 4 Emmeeme yange eri mu mpologoma; Ngalamidde mu abo abaaka n'omuliro, Be baana b'abantu, amannyo gaabwe ge mafumu n'obusaale, N'olulimi lwabwe kye kitala eky'obwogi:
- 5 Bakugulumize, ai Katonda, okusinga eggulu; Ekitiibwa kyo kibeere ku nsi zonna.
- 6 Bateekedde akatimba ebigere byange; Emmeeme yange ekutamye: Bansimidde obunnya mu kkubo lyange; Babuguddemu wakati bo bennyini. (Seera)
- 7 Omutima gwange gunywedde, ai Katonda, omutima gwange gunywedde: Ndiyimba, weewaawo, ndiyimba eby'okutendereza.
- 8 Zuukuka, ggwe ekitiibwa kyange; zuukuka, entongooli n'ennanga: Nze nzekka naazuukuka enkya mu matulutulu.
- 9 Ndikwebaliza ggwe, ai Mukama, mu bantu: Ndiyimba eby'okukutendereza ggwe mu mawanga.
- 10 Kubanga ekisa kyo kingi, kituuka mu ggulu, N'amazima go gatuuka mu banga.
- 11 Bakugulumize, ai Katonda, Okusinga eggulu; Ekitiibwa kyo kibeere ku nsi zonna.

Essuula 58

- 1 Okwogera mwogera eby'obutuukirivu nga musirika? Musala omusango ogw'amazima, mmwe abaana ba bantu?
- 2 Naye mu mitima gyammwe mukola eby'obubi; Ettima ery'emikono gyammwe gwe musango gwe musala mu nsi.
- 3 Ababi bakyama okuva mu lubuto: Bwe bazaalibwa, amangu ago ne beekooloobya, nga boogera eby'obulimba.
- 4 Obusagwa bwabwe buli ng'obusagwa obw'omusota: Bali nga ssalambwa eritawulira erizibikira amatu gaalyo;
- 5 Eritawulira ddooboozi lya balozi, Newakubadde nga baloga n'amagezi mangi gatya.
- 6 Ai Katonda, omenye amannyo gaabwe mu bumwa bwabwe: Omenyere ddala amasongezo g'empologoma ento, ai Mukama.
- 7 Basaanuuke ng'amazzi agakulukuta amangu: Bw'ateeba n'obusaale bwe, babe nga bazikirizibwa.
- 8 Babe ng'ekkovu erisaanuuka eriggwaawo: Era ng'omwana omukazi gw'ataasa, atalabanga ku musana.
- 9 Entamu zammwe nga tezinnabuguma n'amaggwa, Aligaggirawo ddala n'embuyaga, amabisi n'ago agaaka gonna.
- 10 Omutuukirivu alisanyuka, bw'aliraba okuwalana okwo: Alinaaba ebigere bye mu musaayi gw'ababi.
- 11 Abantu ne balyoka boogera nti Mazima waliwo empeera omutuukirivu gy'aliweebwa: Mazima waliwo Katonda asala omusango mu nsi.

Essuula 59

- 1 Ondokole mu balabe bange, ai Katonda wange: Ongulumize eri abo abangolokokerako.
- 2 Ondokole eri abo abakola obutali butuukirivu, Omponye eri abo abaagala omusaayi.
- 3 Kubanga, laba, bateega emmeeme yange; Ab'amaanyi bakuaana okunnumba: Si lwa kyonoono kyange, so si lwa kibi kyange, ai Mukama.

- 4 Baddukana, beeteekateeka nga sikoze bubu: Ozuukuke onnyambe, olabe.
- 5 Ggwe, ai Mukama Katonda ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, Ogolokoke obuulirire amawanga gonna: Tosaasiranga muntu yenna omwonoonyi omubi. (Seera)
- 6 Bakomawo akawungeezi, bakaaba ng'embwa, Beetooloola ekibuga.
- 7 Laba, beebajjagala n'akamwa kaabwe; Ebitala biri mu mimwa gyabwe: Kubanga boogera nti Ani awulira?
- 8 Naye ggwe, Mukama, olibasekerera; Oliduulira amawanga gonna.
- 9 Ai amaanyi gange, naakulindiriranga ggwe: Kubanga Katonda kye kigo kyange ekiwanvu.
- 10 Katonda ow'okusaasirwa kwange anankulemberanga: Katonda anandabyanga bye njagala nga bituuse ku balabe bange.
- 11 Tobatta, abantu bange baleme okwerabira: Obasaasaanye n'amaanyi go, obatoowaze, Ai Mukama engabo yaffe.
- 12 Olw'okwonoona kw'akamwa kaabwe, olw'ebigambo by'emimwa gyabwe, Bakwati-bwe nga beenyumiriza, Era n'olw'okukolima n'obulimba bye boogera.
- 13 Obazikirize mu busungu, obazikirize, balemenga okubaawo nate: Era bategeerenga nga Katonda afugira mu Yakobo, Okutuuka ku nkomerero z'ensi. (Seera)
- 14 Era akawungeezi bakomewo, bakaabe ng'embwa, Beetooloole ekibuga.
- 15 Balitambulatambula nga banoonya emmere, Balikeesa obudde bwe batalikkuta.
- 16 Naye nze naayimbanga ku maanyi go; Weewaawo, naayimbiranga ddala ku kusaasira kwo enkya: Kubanga wali kigo kyange ekiwanvu, N'ekiddukiro ku lunaku olw'okute-gana kwange.
- 17 Ggwe, ai amaanyi gange, gwe nnaayimbiranga okukutendereza: Kubanga Katonda kye kigo kyange ekiwanvu, Katonda wa kusaasirwa kwange.

Essuula 60

- 1 Ai Katonda, otusudde, otumenyeemenye; Wasunguwala; otukomyewo, tukwe-gayiridde.
- 2 Wakankanya ensi; wagyasa: Ozibe enjatika zaayo; kubanga eyuuga.
- 3 Abantu bo obalaze ebigambo ebizibu: otunywesezza omwenge ogw'okutagatta.
- 4 Owadde ebendera abo abakutya, Eyolesebwe olw'amazima. (Seera)
- 5 Muganzi wo alyoke awonyezebwe, Lokola n'omukono gwo ogwa ddyo, otuddemu.
- 6 Katonda yayogera mu butukuvu bwe; nti Ndijaguza: Ndisala mu Sekemu, era ndigabaagaba ekiwonvu ekya Sukkosi.
- 7 Gireyaadi wange, era Manase wange; Efulayimu naye yakuuma omutwe gwange; Yuda gwe muggo gwange ogw'obwakabaka.
- 8 Mowaabu kye kinaabirwamu kyange; Edomu ndimukasukira engatto yange: Ggwe Firisutiya, yogerera waggulu ku lwange.
- 9 Ani alinnyingiza mu kibuga eky'amaanyi? Ani eyandeeta mu Edomu?
- 10 Totusudde, ai Katonda? So totabaala, ai Katonda, n'eggye lyaffe.
- 11 Otuyambe eri omulabe: Kubanga obuyambi bw'abantu tebuliimu.
- 12 Katonda ye anaatukozanga eby'obuzira: Kubanga oyo ye anaalinyiriranga ku balabe baffe.

Essuula 61

- 1 Owulire okukaaba kwange, ai Katonda; Olowooze okusaba kwange.
- 2 Nga nnyima ku nkomerero z'ensi naakukoowoolanga; omutima gwange bwe gunaazirikanga: Onnuamyere eri ejjinja erinsinga obugulumivu.

- 3 Kubanga wali kiddukiro gye ndi, Ekigo eky'amaanyi eri omulabe.
- 4 Naatuulanga mu weema yo emirembe gyonna: Neeyunanga ekisiikirize eky'ebi-waawaatiro byo. (Seera)
- 5 Kubanga ggwe, ai Katonda, owulidde obweyamo bwange: Ompadde obusika bw'abo abaagala erinnya lyo.
- 6 Olyongera ku nnaku ez'obulamu bwa kabaka: Emyaka gye giriba ng'emirembe emingi.
- 7 Alibeerera mu maaso ga Katonda ennaku zonna: Kale teekateeka ekisa n'amazima, biryoke bimuwonye.
- 8 Ne ndyoka nnyimba okutendereza erinnya lyo ennaku zonna; Ntuukirize buli lunaku obweyamo bwange.

Essuula 62

- 1 Emmeeme yange erindirira Katonda yekka: Oyo obulokozi bwange mwe buva.
- 2 Ye yekka lye jjinja lyange era bwe bulokozi bwange: Kye kigo kyange ekiwanvu; sirisagaasagana nnyo.
- 3 Mulituusa wa okulumba omuntu, Okumutta, mmwe mwenna, Ng'ekisenge ekyewunzise, ng'olukomera oluyuuguuma?
- 4 Kino kyokka kye bateesa okumujeeza mu bukulu bwe; Basanyukira eby'obulimba: Boogera eby'omukisa n'akamwa kaabwe, naye bakolima munda.
- 5 Emmeeme yange, lindirira Katonda yekka; Kubanga oyo okusubira kwange mwe kuva.
- 6 Ye yekka lye jjinja lyange era bwe bulokozi bwange: Oyo kye kigo kyange ekiwanvu; sirisagaasagana.
- 7 Awali Katonda we wali obulokozi bwange n'ekitiibwa kyange: Ejjinja ery'amaanyi gange n'ekiddukiro kyange biri mu Katonda.
- 8 Mumwesige ye mu biro byonna, mmwe abantu; Mufuke omutima gwammwe mu maaso ge:
- 9 Mazima abantu abatali ba kitiibwa gwe mukka, n'abo ab'ekitiibwa ekingi bwe bulimba: Bwe baliteekebwa mu kigera, baliyimuka; Bombiriri omukka gubasinga okuzitowa:
- 10 Temwesiganga kujooga, Temugobereranga ebitaliimu mu kunyaga: Obugagga bwe buneeyongeranga, temubussangako mwoyo.
- 11 Katonda yayogera omulundi gumu, Mpulidde bwe ntyo emirundi ebiri; Nga Katonda ye nannyini buyinza:
- 12 Era ggwe, ai Mukama, olina okusaasira: Kubanga osasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli.

Essuula 63

- 1 Ai Katonda, ggwe oli Katonda wange; naakeeranga okukunoonya. Emmeeme yange erumwa ennyonta eri ggwe, omubiri gwange gwegomba ggwe, Mu nsi enkalu ekooyesa, omutali mazzi.
- 2 Bwe ntyo bwe nnakutunuuliranga mu watukuvu, Okulaba obuyinza bwo n'ekitiibwa kyo.
- 3 Kubanga ekisa kyo kiwooma okusinga obulamu; Emimwa gyange ginaakutenderezanga.
- 4 Bwe ntyo bwe nnaakwebazanga nga nkyali mulamu: Naayimusanga emikono gyange mu linnya lyo.

- 5 Emmeeme yange enekkusibwanga ng'obusomyo n'amasavu; N'akamwa kange kanaakutenderezanga n'emimwa egisanyuka;
- 6 Bwe nnaakujjuukiriranga ku kitanda kyange, Bwe nnaakulowoolezanga mu bisisimuka eby'ekiro.
- 7 Kubanga wabeera mubeezi wange, Era mu kisiikirize eky'ebiwaawaatiro byo mwe nnaasanyukiranga.
- 8 Emmeeme yange efuga okukugoberera: Omukono gwo ogwa ddyo gumpanirira.
- 9 Naye abo abanoonya emmeeme yange okugizikiriza, Baligenda wansi w'ettaka.
- 10 Baliweebwayo eri amaanyi ag'ekitala: Balibeera mugabo gwa bibe.
- 11 Naye kabaka alisanyukira Katonda: Buli amulayira ye alyenyumiriza; Kubanga akamwa k'abo aboogera eby'obulimba kalizibibwa.

Essuula 64

- 1 Owulirenga eddoozi lyange, ai Katonda, mu kwemulugunya kwange: Okuumenga obulamu bwange nmemenga okutya omulabe.
- 2 Onkweke eri abakozi b'obubi abateesa mu kyama; N'eri okuyoogaana kw'abo abakola ebitali bya butuukirivu:
- 3 Abawagadde olulimi lwabwe ng'ekitala, Abateebye obusaale bwabwe bye bigambo eby'obukambwe:
- 4 Balasize oyo eyatuukirira mu bifo eby'ekyama: Baamulasa nga talaba, ne batatya.
- 5 Bagumyagana emyoyo mu kuteesa obubi; Bateesa okutega emitego mu kyama; Boogera nti Anaagiraba ani?
- 6 Banoonya ebitali bya butuukirivu; boogera nti Tumaze okunoonyeza ddala nga tufuba: N'okulowooza okw'omunda okwa buli muntu, n'omutima gwabwe, biri ng'obuziba.
- 7 Naye Katonda alibalasa; Balifumitibwa n'akasaale nga tebalowooza.
- 8 Bwe batyo bwe baneesittazibwanga, olulimi lwabwe bennyini nga lubagwisa: Bonna abanaabalabanga banaanyeenyanga emitwe gyabwe.
- 9 Era abantu bonna banaatyanga; Ne batendera omulimu gwa Katonda, Ne balowooza n'amagezi bye yakola.
- 10 Omutuukirivu anaasanyukiranga Mukama, era anaamwesiganga; Era bonna abalina emitima egy'amazima baneenyumirizanga.

Essuula 65

- 1 Ettendo likulindirira, ai Katonda, mu Sayuuni: Era ggwe gwe banaatuukiririzanga obweyamo.
- 2 Ai ggwe awulira okusaba, Bonna abalina omubiri balijja gy'oli.
- 3 Ebitali bya butuukirivu binsinze: Okwonoona kwaffe olikunaaliza ddala.
- 4 Alina omukisa oyo gw'olonda, era gw'osembeza gy'oli. Abeerenga mu mpya zo: Tunakkusibwanga obulungi obw'ennyumba yo, Awatukuvu mu yeekaalu yo.
- 5 N'ebigambo eby'entiisa olituddamu mu butuukirivu, Ai Katonda ow'obulokozi bwaffe; Ggwe enkomerero zonna ez'ensi gwe zeesiga, N'abo abali ewala ku nnyanja:
- 6 Oyo yanyweza ensozi n'amaanyi ge: Nga yeesiba obuyinza:
- 7 Asirisa okuwuuma kw'ennyanja, Okuwuuma kw'amayengo gaayo, N'okuyoogaana kw'amawanga.
- 8 Era n'abo abatuula ku nkomerero z'ensi batya olw'obubonero bwo: Ggwe osanyusa emiryango gy'enkya n'egy'akawungeezi.
- 9 Okyalira ensi, n'ogifukirira, Ogigaggawaza nnyo; Omugga gwa Katonda gujjudde amazzi: Obalabira eaano, ng'omaze okulongoosa ensi bw'oty.

- 10 Ofukirira ensalosalu zaayo amazzi amangi; Olongoosa ebibibi byayo: Ogigonza n'oluwandaggirize; Okuwa omukisa okumera kwayo.
- 11 Oteeka engule ku mwaka, bwe bulungi bwo; N'amakubo go gatonyesa obugimu.
- 12 Gatonyesa mu malundiro ag'omu ddungu: N'obusozi bwesiba essanyu.
- 13 Amalundiro gambala ebisibo; Era n'ebiwonvu bibikkiddwa eaano: Byogerera waggulu olw'essanyu, era biyimba.

Essuula 66

- 1 Leeta eddoboosi ery'essanyu eri Katonda, ensi yonna:
- 2 Yimbira waggulu ekitiibwa eky'erinnya lye: Gulumiza ettendo lye libe n'ekitiibwa.
- 3 Gamba Katonda nti Emirimu gyo nga gya ntiisa! Olw'obuyinza bwo obungi abalabe bo balikujeemukira.
- 4 Ensi yonna erikusinza, Erikuyimbira ggwe; Baliyimbira erinnya lyo. (Seera)
- 5 Mujje mulabe emirimu gya Katonda; Ye w'entiisa mu by'akola eri abaana b'abantu.
- 6 Ennyanja yagifuula olukalu: Baayita mu mugga n'ebigere: Awo we twamusanyukirira.
- 7 Afuga n'amaanyi ge emirembe gyonna; Amaaso ge gatunuulira amawanga: Abajeemu balemenga okwegulumiza. (Seera)
- 8 Kale, mmwe amawanga, mumwebazenga Katonda waffe, Muwulize eddoboosi erimutendereza:
- 9 Akwatirira emmeeme yaffe obutafa, Era ataganya bigere byaffe okusagaasagana.
- 10 Kubanga ggwe, ai Katonda, watugeza: Watukema nga bwe bakema effeeza.
- 11 Watuyingiza mu kitimba; Wateeka omugugu omuzito ku biwato byaffe.
- 12 Weebagaza abantu okulinnya ku mitwe gyaffe; Twayita mu muliro ne mu mazzi; Naye watuggyamu n'otuyingiza mu kifo eky'obugagga.
- 13 Naayingira mu nnyumba yo n'ebiweebwayo ebyokebwa, Naakusasula obweyamo bwange,
- 14 Emimwa gyange bwe gyayogera, N'akamwa kange bwe kaayatula, bwe nnalaba ennaku.
- 15 Naakuwa ebyokwokya ebya ssava, N'ebyokwoteza eby'endiga eza seddume; Naawaayo ente n'embuzi. (Seera)
- 16 Mujje muwulire, mwenna abatya Katonda, Nange ne mbuulira bye yakolera emmeeme yange.
- 17 Namukoowoola n'akamwa kange, Era yatenderezewa n'olulimi lwange.
- 18 Bwe mba ndowooza obutali butuukirivu mu mutima gwange, Mukama taawulire:
- 19 Naye mazima Katonda awulidde; Alowoozezza eddoboosi ery'okusaba kwange.
- 20 Katonda yeebazibwe, Atagobye kusaba kwange, so tannyimye kusaasira kwe.

Essuula 67

- 1 Katonda atusaasirenga, atuwenga omukisa. Atwakizenga amaaso ge; (Seera)
- 2 Ekkubo lyo limanyibwenga mu nsi, Obulamu bwo obulokola bumanyibwenga mu mawanga gonna.
- 3 Abantu bakutenderezenga, ai Katonda; Abantu bonna bakutenderezenga.
- 4 Kale, amawanga gasanyukenga gayimbenga olw'essanyu: Kubanga olisalira abantu emisango egy'ensonga, Era olifugira amawanga mu nsi. (Seera)
- 5 Abantu bakutenderezenga, ai Katonda; Abantu bonna bakutenderezenga,
- 6 Ensi ereese ekyengera kyayo: Katonda, ye Katonda waffe, anaatuwanga omukisa.
- 7 Katonda anaatuwanga omukisa; N'enkomerero zonna ez'ensi zinaamutyanga.

Essuula 68

- 1 Katonda agolokoke, abalabe be basaasaane; Era n'abo abamukyawa badduke mu maaso ge.
- 2 Ng'omukka bwe gugobebwa, obagobe bw'otyo: Ng'envumbo bw'esaanuuka ku muliro, Ababi bazikirire bwe batyo awali Katonda.
- 3 Naye abatuukirivu basanyuke; bajagulize mu maaso ga Katonda: Weewaawo, bajaguze n'essanyu.
- 4 Mumuyimbire Katonda, muyimbe okutendereza erinnya lye: Mumukubire oluguudo oyo eyeebagalira mu malungu; YA lye linnya lye; era mujagulize mu maaso ge.
- 5 Kitaabwe w'abo abatalina bakitaabwe, era asalira bannamwandu omusango, Katonda mu kifo kye ekitukuvu ky'atuulamu.
- 6 Katonda awa abawuulu ennyumba: Aggya abasibe (mu kkomera) okulaba ebirungi: Naye abajeemu batuula mu nsi ekaze.
- 7 Ai Katonda, bwe wakulembere abantu bo, Bwe watambula mu ddungu; (Seera)
- 8 Ensi n'ekankana, Eggulu ne ligwa mu maaso ga Katonda: Olusozi luli Sinaayi ne lukankanira mu maaso ga Katonda, Katonda wa Isiraeri.
- 9 Ggwe, ai Katonda, watonnyesa enkuba nnyingi, N'onyweza obusika bwo, bwe bwali nga bukooye.
- 10 Ekibiina kyo kyatuula omwo: Ggwe, ai Katonda; wateekerateekera abaavu olw'obulungi bwo.
- 11 Mukama yawa ekigambo: Abakazi ababuulira ebigambo lye ggye eringi.
- 12 Bakabaka b'eggye badduka, badduka: Omukazi asigala eka ye agaba omunyago.
- 13 Muligalamira mu bisibo by'endiga, Ng'ebiwaawaatiro by'ejjiba ebibikkibwako effeeza, N'ebyoya byalyo ebiriko ezaabu emmyufu?
- 14 Omuyinza w'ebintu byonna bwe yasaasaanyiza omwo bakabaka, Kyali nga omuzira bwe gutonnya mu Zalumoni.
- 15 Olusozi Basani lwe lusozi lwa Katonda; Olusozi Basani lwe lusozi oluwanvu.
- 16 Kiki ekibaluziimuza, mmwe ensozi empanvu, Olusozi Katonda lwe yayagala okulu-tuulako? Weewaawo, Mukama anaalutuulangako emirembe gyonna.
- 17 Amagaali ga Mukama bwe bukumi obubiri, ze nkumi n'enkumi: Mukama ali mu ago, nga ku Sinaayi, mu watukuvu.
- 18 Olinnye waggulu, osibye obusibe bwo; Oweereddwa ebirabo mu bantu, Era ne mu bajeemu, Mukama Katonda alyoke atuulenga wamu nabo.
- 19 Mukama atenderezebwenga atusitulira omugugu gwaffe buli lunaku, Ye Katonda, bwe bulokozi bwaffe. (Seera)
- 20 Katonda ye Katonda ow'okuwonyanga gye tuli; Era Yakuwa Mukama ye nannyini kuwonya mu kufa.
- 21 Naye Katonda alifumita omutwe gw'abalabe be, N'obwezinge obuliko enviiri obwa buli muntu anyiikira okuzza omusango.
- 22 Mukama yayogera nti Ndikomyawo okuva mu Basani, Ndibakomyawo okuva mu buziba bw'ennyanja:
- 23 Olyoke onnyike ekigere kyo mu musaayi, Olulimi lw'embwa zo lubeerenga n'omugabo gwalwo eri abalabe bo.
- 24 Balabye bw'otambula, ai Katonda, Ggwe Katonda wange, Kabaka wange, bw'otambula ng'oyingira mu watukuvu.
- 25 Abayimbi bakulembedde, abakubi b'ennanga bagoberedde, Wakati mu bawala abakuba ebitaasa.
- 26 Mwebalize Katonda mu bibiina, Ye Mukama, mmwe ab'oluzzi lwa Isiraeri.
- 27 Waliwo Benyamini omuto abafuga, Waliwo abalangira ba Yuda n'abateesa nabo,

Waliwo abalangira ba Zebbulooni, abalangira ba Nafutaali.

- 28 Katonda wo alagidde amaanyi go: Onywezenga, ai Katonda, kye watukolera.
- 29 Olwa yeekaalu yo eri mu Yerusalemi, Bakabaka kyebanaavanga bakuleetera ebirabo.
- 30 Onenye ensolo ey'omu bitoogo, Ente ennyingi eza seddume, n'ennyana ez'amawanga, Ng'olinnyirira ebitundu eby'effeeza n'ebigere byo; Asaasaanyizza amawanga agasanyukira entalo.
- 31 Abalangira baliva mu Misiri; Kuusi eryanguwa okugolola emikono gye eri Katonda.
- 32 Muyimbire Katonda, mmwe amatwale g'ensi; Kale muyimbe okutendereza Mukama; (Seera)
- 33 Oyo eyeebagala ku ggulu eriri waggulu w'eggulu, eryabaawo edda n'edda lyonna; Laba, ayogera n'eddoboozi lye, lye ddooboozi ery'amaanyi.
- 34 Mumuwe Katonda amaanyi: Obulungi bwe bufuga Isiraeri, N'amaanyi ge gali mu ggulu.
- 35 Ai Katonda, oli wa ntiisa ng'oyima mu bifo byo ebitukuvu: Katonda wa Isiraeri yawa amaanyi n'obuyinza abantu be. Katonda yeebazibwe.

Essuula 69

- 1 Ndokola, ai Katonda; Kubanga amazzi gayingidde ne gatuuka ku mmeeme yange.
- 2 Ntubira mu bitosi ebiwanvu awatali kuyimirira: Ntuuse mu buziba amazzi amangi we gampitirako.
- 3 Okukaaba kwange kunkooyesezza; obulago bwange bukaze: Amaaso gange ganzibye nga nnindirira Katonda wange.
- 4 Abankyayira obwereere basinga enviiri ez'oku mutwe gwange obungi: Abaagala okunzikiriza, kubanga be balabe bange awatali nsonga, ba maanyi: Ne ndyoka nziza kye saabaggyaako.
- 5 Ai Katonda, ggwe omanyi obusirusiru bwange: N'okwonoona kwange tekukisibwa ggwe.
- 6 Abakulindirira ggwe balemenga okukwatibwa ensonyi ku lwange, ai Mukama Katonda ow'eggye: Abakunoonya ggwe balemenga okuswazibwa ku lwange, ai Katonda wa Isiraeri.
- 7 Kubanga banvuma okunnanga ggwe; Ensonyi zibisse amaaso gange.
- 8 Nfuuse munnaggwanga eri baganda bange, Era atali mumanyi eri abaana ba mmange.
- 9 Kubanga obuggya obw'ennyumba yo bundidde; N'ebivume by'abo abakuvuma ggwe binguddeko.
- 10 Bwe nnakaaba amaziga, emmeeme yange n'esiiba enjala, Ekyo kye kyanvumya.
- 11 Bwe nnayambala ebibukutu, Ne mbafuukira eombo.
- 12 Abatuula mu mulyango banjogerako, Era ndi luyimba lwa batamiivu.
- 13 Naye nze, okusaba kwange kuli eri ggwe, ai Mukama, mn kiseera eky'okukkiririza-
amu: Ai Katonda, mu kusaasira kwo okungi, Onziremu mu mazima ag'obulokozi bwo.
- 14 Onnyinyulule mu bitosi, nneme okutubira: Ndokoke eri abo abankyawa ne mu mazzi ag'eddubi.
- 15 Amazzi amangi galeme okumpangula, Newakubadde obuziba buleme okummira; Newakubadde obunnya buleme okunzibira akamwa kaabwo.
- 16 Onziremu, ai Mukama; kubanga ekisa kyo kirungi: Ng'okusaasira kwo bwe kuli okungi, onkyukire.
- 17 So tokisa amaaso go omuddu wo; Kubanga ndi mu nnaku; oyanuwe okunziramu.
- 18 Oseemberere emmeeme yange, oginunule: Ompe eddembe olw'abalabe bange.
- 19 Ggwe omanyi bwe nvumibwa, bwe nkwatibwa ensonyi, bwe nnyoomebwa: Abalabe

bange bonna bali mu maaso go.

- 20 Okuvumibwa kumenye omutima gwange; era njjudde ennaku: Nnoonyezza anansaasira, naye tewabadde n'omu: Era abanansanyusa, naye ne siraba.
- 21 Era bampa omususa okuba emmere yange; Era bwe nnalumibwa ennyonta ne bannywesa omwenge omukaatuufu,
- 22 Emmeeza yaabwe eri mu maaso gaabwe ebeerenga ekyambika gye bali; Era bwe baba mu mirembe, gifuukenga omutego.
- 23 Amaaso gaabwe gabenga mu kizikiza, baleme okulaba; Okankanyenga ebiwato byabwe ennaku zonna.
- 24 Obafukengako ekiruyi kyo, N'obusungu bwo obukambwe bubatuukengako.
- 25 Ennyumba yaabwe erekebwenga, So omuntu yenna alemenga okubeera mu weema zaabwe.
- 26 Kubanga baayigganya oyo gw'okubye; Era boogera ku nnaku zaabo b'ofumise.
- 27 Oyongerenga obubi ku bubu bwabwe: So balemenga okuyingira mu butuukirivu bwo.
- 28 Basangulibwenga okuva mu kitabo ky'obulamu, So balemenga okuwandiikibwa awamu n'abatuukirivu.
- 29 Naye nze ndi mwavu, munaku: Obulokozi bwo, ai Katonda, bungulumize waggulu.
- 30 Naatenderezanga erinnya lya Katonda n'oluyimba, Naamugulumizanga n'okwebaza.
- 31 Era ebyo binaasanyusanga Mukama okusinga ente, Ente erina amayembe n'ebinuulo.
- 32 Abawombeefu bakirabye ne basanyuka: Mmwe abanoonya Katonda, omutima gwammwe gube omulamu.
- 33 Kubanga Mukama awulira abaavu, So tanyooma basibe be.
- 34 Eggulu n'ensi bimumtenderezanga, Ennyanja ne byonna ebigitambuliramu.
- 35 Kubanga Katonda alirokola Sayuuni, era alizimba ebibuga bya Yuda; Nabo balituula omwo, ne bagirya
- 36 Era n'ezzadde ly'abaddu be baligisikira; N'abo abaagala erinnya lye balituula omwo.

Essuula 70

- 1 Oyanguwe, ai Katonda, okundokola; Oyanguwe okunnyamba, ai Mukama.
- 2 Bakwatibwe ensonyi baswale Abanoonya emmeeme yange: Bazzibwe ennyuma bajeezebwe Abasanyukira okufiirwa kwange.
- 3 Bazzibwe ennyuma olw'ensonyi zaabwe Aboogera nti Nyenya, nyenya.
- 4 Bonna abakunoonya bakusanyukirenga bajaguzenga; N'abo abaagala obulokozi bwo boogerenga bulijjo nti Katonda agulumizibwenga.
- 5 Naye nze ndi mwavu, sirina kintu; Oyanguwe okujja gye ndi, ai Katonda: Ggwe oli mubeezi wange era omulokozi wange; Ai Mukama, tolwawo.

Essuula 71

- 1 Ggwe, ai Mukama, ggwe nneesiga: Nnemenga okukwatibwa ensonyi ennaku zonna.
- 2 Ondokole mu butuukirivu bwo, omponye: Ontegere okutu, ondokole.
- 3 Obeerenga gye ndi olwazi olw'okutuulangako, we nnaayinzanga okweyuna bulijjo: Walagira okundokola; Kubanga ggwe oli lwazi lwange era ekigo kyange.
- 4 Omponye, ai Katonda wange, mu mukono gw'omubi, Mu mukono gw'omuntu atali mutuukirivu, omukambwe.
- 5 Kubanga ggwe oli ssuubi lyange, ai Mukama Katonda: Ggwe gwe nneesiga okuva mu buto bwange.
- 6 Ggwe wampanirira okuva mu lubuto: Ggwe wanziya mu byenda bya mmange: Ggwe gwe nnaatenderezanga ennaku zonna.

- 7 Nninga ekitalo eri abantu abangi; Naye ggwe oli kiddukiro kyange eky'amaanyi.
- 8 Akamwa kange kanajjulanga ettendo lyo, N'ekitiibwa kyo okuzibya obudde.
- 9 Tonsuula mu biro eby'obukadde; Tondekanga amaanyi gange bwe galimbula.
- 10 Kubanga abalabe bange banjogerako; N'abo abateega emmeeme yange bateesa wamu,
- 11 Nga boogera nti Katonda amulese: Mumugoberere mumukwate; kubanga tewali anaamuwonya.
- 12 Ai Katonda, tombeera wala: Ai Katonda wange, yanguwa okunnyamba.
- 13 Bakwatibwe ensonyi bazikirire abakyawa emmeeme yange; Baswazibwe bany-oomebwe abaagala okunkola obubi.
- 14 Naye naasuubiranga ennaku zonna, Era naayongeranga okukutenderezanga bulijjo.
- 15 Akamwa kange kanaatenderanga obutuukirivu bwo, N'obulokozi bwo okuzibya obudde; Kubanga omuwendo gwabyo sigumanyi.
- 16 Najjanga n'ebikolwa eby'amaanyi ebya Mukama Katonda: Naayogeranga ku butuukirivu bwo, ku bubwo bwokka.
- 17 Ai Katonda, ggwe wanjigirizanga okuva mu buto bwange; Era okutuusa leero naabuliranga ebikolwa byo eby'ekitalo.
- 18 Weewaawo, bwe ndiba nkaddiye era nga mmeze envi, ai Katonda, tondekanga; Okutuusa lwe ndibuulira amaanyi go emirembe egijja okubaawo, N'obuyinza bwo buli muntu agenda okujja.
- 19 Era n'obutuukirivu bwo, ai Katonda, bugulumivu nnyo: Ggwe eyakola ebikulu, Ai Katonda, afaanana nga ggwe ani?
- 20 Ggwe eyatulaga ebibonoobono ebingi ebizibu, Olituzuukiza nate, Era olitulinyisa nate okuva mu bya wansi by'ensi.
- 21 Oyongeranga ggwe obukulu bwange, Okyukenga nate onsanyuse.
- 22 Era naakutenderezanga n'endere, Amazima go ge nnaatenderezanga, ai Katonda wange: Ggwe gwe nnaatenderezanga nga nnyimba mu nnanga, Ai ggwe Omumkuvu wa Isiraeri.
- 23 Emimwa gyange ginaasanyukanga nnyo bwe nnaayimbanga okukutendereza; N'emmeeme yange gye wanunula.
- 24 Era n'olulimi lwange lunaayogeranga ku butuukirivu bwo okuzibya obudde: Kubanga bakwatiddwa ensonyi, baswazibwa abaagala okunkola obubi.

Essuula 72

- 1 Owenga kabaka emisango gyo, ai Katonda Era owenga obutuukirivu bwo omwana wa kabaka.
- 2 Anaasaliranga abantu bo emisango egy'obutuukirivu, N'abaavu bo egy'ensonga.
- 3 Ensozi zinaaleeteranga abantu emirembe, N'obusozi, mu butuukirivu.
- 4 Anaasaliranga omusango abaavu ab'omu bantu, Anaalokolanga abaana b'abo abatalina bintu, Era anaamenyaamenyanga omujoozi.
- 5 Banaakutyanga ng'enjuba ekyaliwo, Era ng'omwezi gukyayaka, emirembe gyonna.
- 6 Alikka ng'enkuba bw'etonnya ku ssubi erisaliddwa: Ng'empandaggirize ezifukirira ensi.
- 7 Mu nnaku ze abatuukirivu banaalabanga omukisa, Era wanaabangawo emirembe emingi, okutuusa omwezi lwe guliggwaawo.
- 8 Era anaafuganga okuva ku nnyanja okutuuka ku nnyanja, Era okuva ku Mugga okutuuka ku nkomerero z'ensi.
- 9 Abatuula mu ddungu balimufukaamirira; N'abalabe be balikomba enfuufu.
- 10 Bakabaka b'e Talusiisi n'ab'oku Bizinga banaaleetanga ebirabo: Bakabaka w'e Syeba

n'ab'e Seeba banaawangayo ebitone.

- 11 Weewaawo, bakabaka bonna banaavuunamiranga mu maaso ge: Amawanga gonna ganaamuweerezanga.
- 12 Kubanga anaawonyanga omunafu bw'anaakaabanga: N'omwavu atalina mubeezi.
- 13 Anaasaasiranga omwavu n'omunafu, N'emmeeme z'abanafu anaazirokolanga.
- 14 Anaanunulanga emmeeme zaabwe mu kujoogebwa n'ettima: N'omusaayi gwabwe gunaabanga gwa muwendo mungi mu maaso ge:
- 15 Era banaabanga balamu; naye anaaweebwanga ku zaabu ey'e banaamusabiranga Syeba: Era abantu bulijjo; Banaamwebazanga okuzibya obudde.
- 16 Wanaabangawo emmere enkalu nnyingi mu nsi ku ntikko y'ensozi; Ebibala byayo binaayuuganga nga Lebanooni: N'ab'ekibuga banaameranga ng'omuddo ogw'oku nsi.
- 17 Erinnya lye linaabeereranga emirembe gyonna; Erinnya lye linaalwangawo ng'enjuba: N'abantu banaalabanga omukisa mu ye; Amawanga gonna ganaamuyitanga wa Mukisa.
- 18 Yeebazibwenga Mukama Katonda, Katonda wa Isiraeri, Akola eby'amagero yekka:
- 19 N'erinnya lye ery'ekitiibwa lyebazibwenga emirembe gyonna; Era ensi zonna zijjuzibwenga ekitiibwa kye. Amiina, era Amiina.
- 20 Okusaba kwa Dawudi mutabani wa Yese kuwedde.

Essuula 73

- 1 Mazima Katonda wa kisa eri Isiraeri, Eri abo abalina emitima emirongoofu.
- 2 Naye nze, ebigere byange byali kumpi n'okugwa; Okutambula kwange kwabulako katono okuseerera.
- 3 Kubanga ab'amalala bankwasa obuggya, Bwe nnalaba ababi bwe balina omukisa.
- 4 Kubanga bafa tebalumwangako: Naye amaanyi gaabwe ganywera.
- 5 Tebalaba nnaku ng'abantu abalala; So tebabonyaabonyezebwa ng'abantu abalala:
- 6 Amalala kyegava gabeera ng'omukuufu ogwetooloola obulago bwabwe; Ettima libabikka ng'ekyambalo.
- 7 Amaaso gaabwe gabakanuse olw'obugevву: Balina ebingi okukira omutima bye guyinza okwagala.
- 8 Baduula ne boogera eby'okujooga mu bubi: Boogera ebikulu.
- 9 Omumwa gwabwe bagutadde mu ggulu, N'olulimi lwabwe lutambulatabula mu nsi.
- 10 Abantu be kyebava bakomawo wano: N'amazzi ag'omu kikompe ekijjudde ne bagamalirawo ddala.
- 11 Era boogera nti Katonda amanya atya? Era okumanya kuli mu oyo ali waggulu ennyo?
- 12 Laba, abo be babi; Era beeyongera mu bugagga nga balina emirembe ennaku zonna.
- 13 Mazima nnongooserezza bwereere omutima gwange, Ne nnaaba mu ngalo zange n'obutayonoona;
- 14 Kubanga nabonyaabonyezebwa okuzibya obudde, Ne nkangavvulwa buli nkyo.
- 15 Singa nayogera nti Ka njogere bwe ntyo; Laba, nandikkusizza emirembe gy'abaana bo.
- 16 Bwe nnalowooza bwe nnyinza okutegeera ekyo, Kyanteganya ne kinnema;
- 17 Okutuusa lwe nnagenda mu watukuvu wa Katonda, Ne ndowooza ebibatuukako ku nkomerero.
- 18 Mazima obateeka mu bifo eby'obuseerezi: Obasuulira ddala ne bazikirira.
- 19 Nga bafuuse ekifulukwa mu kaseera akatono Entiisa zibamalirawo ddala.
- 20 Ng'ekirooto bwe kiri aloose ng'azuukuse; Era bw'otyo naawe, ai Mukama,

bw'olizuukuka, olinyooma ekifaananyi kyabwe.

- 21 Kubanga omutima gwange gwannuma, N'emmeeme yange yanfumita;
- 22 Bwe nnali ng'ensolo bwe ntyo ne ssitegeera; Nali nsolo mu maaso go.
- 23 Naye ndi wamu naawe ennaku zonna: Onkutte omukono gwange ogwa ddyo.
- 24 Ononnuamyanga n'amagezi go, Era oluvannyuma olinzikiriza okuyingira mu kitiibwa.

- 25 Ani gwe nnina mu ggulu wabula ggwe? So tewali mu nsi gwe njagala wabula ggwe.
- 26 Omubiri gwange n'omutima gwange bimpwako: Naye Katonda ge maanyi g'omutima gwange n'omugabo gwange emirembe gyonna.
- 27 Kubanga, laba, abakuli ewala balizikirira: Wabafaafaaganya bonna abagenda okwenda ne bakuleka.
- 28 Naye kirungi nze nsemberere Katonda: Mukama Katonda mmufudde ekiddukiro kyange, Ndyoke njogerenga ku bikolwa byo byonna.

Essuula 74

- 1 Ai Katonda, kiki ekyatusuuzza ennaku zonna? Kiki ekinyoosa obusungu bwo eri endiga ez'ettale lyo?
- 2 Ojjukire ekibiina kyo kye wagula edda, Kye wanunula okuba ekika eky'obusika bwo; N'olusozi Sayuuni, lwe watuulangamu.
- 3 Oyimuse ebigere byo ogende mu bifulukwa ebitavaawo, Obubi bwonna omulabe bwe yakola mu watukuvu.
- 4 Abalabe bo bawulugumye wakati mu kibiina kyo; Basimbye ebendera zaabwe okuba obubonero.
- 5 Bafaananye ng'abantu abayimusa Embazzi okutema ekisaka eky'omu kibira.
- 6 Ne kaakano bamenyaamenya emirimu gyawo gyonna emyole N'embazzi n'ennyondo.
- 7 Bookezza omuliro awatukuvu wo; Banyoomye ennyumba ey'erinnya lyo ne bagisuula wansi.
- 8 Boogedde mu mitima gyabwe nti Tubazikiririze ddala bonna bonna: Bookerezza ddala amakuaanero gonna aga Katonda mu nsi.
- 9 Tetukyalaba bubonero bwaffe; Tewakyali nnabbi n'omu; So temuli n'omu mu ffe ategeera ebyo gye birituusa okubaawo.
- 10 Ai Katonda, omulabe alituusa wa okuvuma? Akukyawa alivvoola erinnya lyo emirembe gyonna?
- 11 Kiki ekikuddiriza omukono, omukono gwo ogwa ddyo? Oguggye mu kifuba kyo obazikirize.
- 12 Naye Katonda ye Kabaka wange edda n'edda lyonna, Aleeta obulokozi wakati mu nsi.

- 13 Wayawula ennyanja n'amaanyi go: Wamenya emitwe gy'ensolo mu mazzi.
- 14 Wamenyaamenya emitwe gya lukwata, Wamuwa okuba emmere y'abo abatuula mu ddungu.
- 15 Wasalamu ensulo n'omukka: Wakaza emigga eminene.
- 16 Emisana gigyoo, era n'ekiro kikyoo: Wakola omusana n'enjuba.
- 17 Wateekawo ensalo zonna ez'ensi: Wakola ekyeya ne ddumbi.
- 18 Ojjukire kino ng'abalabe bavumye, ai Mukama, Era ng'eggwanga essirusiru libog-goledde erinnya lyo.
- 19 Nkwegayiridde, towaayo emmeeme y'ejjiba lyo eri ensolo: Teweerabira bulamu obw'abaavu bo ennaku zonna.
- 20 Ojjukire endagaano: Kubanga ebifo eby'enzikiza eby'ensi bijjudde ennyumba ez'ettima.

- 21 Ajoogebwa alemenga okudda ng'akwatiddwa ensonyi, nkwegayiridde: Abaavu n'abanafu batenderezenga erinnya lyo.
- 22 Golokoka, ai Katonda, weewolereze ensonga yo, Ojjukire omusirusiru bw'azibya obudde okukuvuma.
- 23 Teweerabira ddooboozi lya balabe bo: Oluyoogaano lw'abo abakugolokokerako lulinnya bulijjo.

Essuula 75

- 1 Tukwebaza, ai Katonda; Twebaza kubanga erinnya lyo liri kumpi: Abantu boogera ku bikolwa byo eby'ekitalo.
- 2 Bwe ndiraba ebiro ebyateekewawo, Ndisala emisango egy'ensonga.
- 3 Ensi n'abantu bonna abagituulamu biwedde: Nze nsimbye empagi zaayo. (Seera)
- 4 Nagamba ab'ekyejo nti Temugiranga kyejo: N'ababi nti Temuyimusanga jjembe:
- 5 Temuyimusanga waggulu jjembe lyammwe Temwogeranga n'ensingo enkakanyavu.
- 6 Kubanga okugulumizibwa tekuya buvanjuba, Newakubadde ebugwanjuba, newakubadde obukiika obwa ddyo.
- 7 Naye Katonda ye mulamuzi: Atoowaza ono, n'oli amugulumiza.
- 8 Kubanga mu mukono gwa Mukama ekikompe mwekiri, n'omwenge gwamu guliko ejjovu; Kijjudde ogutabuddwamu, n'akifuka; Mazima ebbonda lyagwo ababi bonna ab'ensi balirikutamira, balirinywa.
- 9 Naye nze naabuuliranga emirembe gyonna, Naayimbanga okutendereza Katonda wa Yakobo.
- 10 Era n'amayembe gonna ag'ababi naagazikirizanga; Naye amayembe g'abatuukirivu ganaagulumizibwanga.

Essuula 76

- 1 Mu Yuda Katonda amanyibwa: Erinnya lye kkulu mu Isiraeri.
- 2 Era mu Salemi eweema ye mweri, N'ekifo kye ky'atuulamu mu Sayuuni.
- 3 Eyo gye yamenyera obusaale obw'omutege, Engabo, n'ekitala, n'olutalo. (Seera)
- 4 Oli wa kitibwa, osinga, okuva ku nsozi ez'omunyago.
- 5 Ab'emitima emizira banyagiddwa, beebase mu tulo twabwe; So mu bantu ab'amaanyi temuli abalabye emikono gyabwe.
- 6 Ggwe onenyezza, ggwe Katonda wa Yakobo, Eggaali era n'embalaasi n'ebyebasibwa otulo otw'okufa.
- 7 Ggwe, ggwe ogwanira okutiibwa: Era ani ayinza okuyimirira mu maaso go ng'omaze okusunguwala?
- 8 Wawuliza omusango nga guvudde mu ggulu; Ensi n'etya, n'esirika;
- 9 Katonda bwe yagolokoka okusala omusango, Okulokola abawombeefu bonna abali mu nsi. (Seera)
- 10 Mazima obusungu bw'abantu bulikutendereza: Obusungu obulisigalawo olibwesiba.
- 11 Mweyame obweyamo, musasule Mukama Katonda wammwe: Bonna abamwe-toolodde baleetere ebirabo oyo agwanira okutiibwa.
- 12 Alizikiriza omwoyo gw'abalangira: Ye w'entiisa eri bakabaka b'ensi.

Essuula 77

- 1 Naakabiranga Katonda n'eddoboozi lyange; Eri Katonda n'eddoboozi lyange, naye anampuliranga.

- 2 Ku lunaku olw' okunakuwala kwange nanoonya Mukama; Omukono gwange ne gugololebwa ekiro ne gutaddirira; Emmeeme yange n'egaana okusanyusibwa.
- 3 Njijukira Katonda, ne nneeraliikirira: Neemulugunya, omwoyo gwange ne guzirika. (Seera)
- 4 Okwata ku maaso gange nga gatunula: Ntegana bwe nti n'okuyinza ne ssiyinza kwogera.
- 5 Ndowoozezza ennaku ez'edda, Emyaka egy'eby'edda.
- 6 Njijukira oluyimba lwange ekiro Ne nteesa ebigambo n'omutima gwange nzekka; N'omwoyo gwange gwanoonyeza ddala.
- 7 Mukama anaasuuliranga ddala emirembe gyonna? Era anaaba nga takyalina kisa nate?
- 8 Okusaasira kwe kugendedde ddala emirembe gyonna? Kye yasuubiza nga kifudde emirembe n'emirembe?
- 9 Katonda yeerabidde okuba n'ekisa? Asibye okusaasira kwe okulungi mu busungu? (Seera)
- 10 Nange ne njogera nti Obwo bwe bunafu bwange; Naye najjukiranga emyaka egy'omukono ogwa ddyo gw'oyo ali waggulu ennyo.
- 11 Naayogeranga ku bikolwa bya Mukama; Kubanga najjukiranga eby'ekitalo byo eby'edda.
- 12 Era naalowoozanga omulimu gwo gwonna, Era naafumiitirizanga ebikolwa byo.
- 13 Ekkubo lyo, ai Katonda, liri mu watukuvu: Katonda omukulu, ali nga Katonda, ye ani?
- 14 Ggwe Katonda akola eby'amagero: Wamanyisa amaanyi go mu mawanga.
- 15 Wanunula abantu bo n'omukono gwo, Abaana ba Yakobo ne Yusufu. (Seera)
- 16 Amazzi gaakulaba, ai Katonda; Amazzi gaakulaba, ne gaty'a: Era n'obuziba ne bukankana.
- 17 Ebire ne bitonnya amazzi; Eggulu ne lireeta eddoboosi : Era n'obusaale bwo ne bubuna.
- 18 Eddoboosi ery'okubwatuka kwo ne liba mu kikuunta; Okumyansa ne kumulisa ebintu byonna: Ensi n'ekankana n'eyuuguuma.
- 19 Ekkubo lyo lyali mu nnyanja. N'empenda zo zaali mu mazzi amangi. N'ebigere byo tebyamanyika.
- 20 Waluamyanga abantu bo ng'endiga, Mu mukono gwa Musa ne Alooni.

Essuula 78

- 1 Muwulire, mmwe abantu bange, okulagira kwange: Mutege amatu gammwe eri ebigambo eby'akamwa kange.
- 2 Naayasama akamwa kange mu lugero: Naayogera ebigambo eby'ekyama eby'edda:
- 3 Bye twawuliranga, bye twamanyanga, Era bajjajjaffe bye baatubuuliranga.
- 4 Tetuubikisenga baana baabwe, Nga tubuulira emirembe egijja amatendo ga Mukama, N'amaanyi ge, n'eby'amagero bye bye yakola.
- 5 Kubanga yanyweza obujulirwa mu Yakobo, Era yalagira etteeka mu Isiraeri, Lye yakuutira bajjajjaffe, Babitegeezenga abaana baabwe:
- 6 Emirembe egijja gibimanye, be baana abaali bagenda okuzaalibwa; Abaali bagenda okugolokoka n'okubibuulira abaana baabwe:
- 7 Balyoke basuubirenga Katonda, So balemenga okwerabira emirimu gya Katonda, Naye bakwatenga amateeka ge:
- 8 So balemenga okuba nga bajjajjaabwe, Emirembe emikakanyavu, emijeemu; Emirembe egitalongosa bulungi omutima gwagyo, N'omwoyo gwagyo nga

tegunywera eri Katonda.

- 9 Abaana ba Efulayimu, nga balina ebyokulwanyisa n'emitego, Ne bakyuka ennyuma ku lunaku olw'olutalo.
- 10 Tebaakwata ndagaano ya Katonda, Ne bagaana okutambulira mu mateeka ge;
- 11 Ne beerabira ebikolwa bye, N'eby'amagero bye bye yabalaga.
- 12 Yakolera eby'ekitalo mu maaso ga bajjajjaabwe, Mu nsi y'e Misiri, mu nnimiro ya Zowaani.
- 13 Yayasa mu nnyanja, n'abayisa wakati; N'ayimiriza amazzi ng'entuumo.
- 14 Era emisana yabakulemberanga n'ekire, N'ekiro kyonna n'omumuli ogw'omuliro.
- 15 Yayasa amayinja mu ddungu, N'abanywesa amazzi amangi nga gava mu buziba.
- 16 Era yaviisa ensulo mu jjinja, N'akulukusa amazzi ng'emigga.
- 17 Naye ne banyikira nate okumwonoona, Okujeemera oyo ali waggulu ennyo mu ddungu.
- 18 Ne bakema Katonda mu mutima gwabwe Nga basaba emmere olw'okwegomba kwabwe.
- 19 Era naye baayogera obubi ku Katonda; Baagamba nti Katonda ayinza okuteekateeka emmeeza mu ddungu?
- 20 Laba, yakuba ejjinja amazzi ne gatiiriika, Emigga ne gikulukuta; Era ayinza okuwa n'omugaati? Alirabira ennyama abantu be?
- 21 Mukama kyeyava awulira, n'asunguwala: Omuliro ne gwaka ku Yakobo, Era n'obusungu ne bunyooka ku Isiraeri:
- 22 Kubanga tebakiriza Katonda, So tebeesiga bulokozi bwe.
- 23 Naye n'alagira eggulu waggulu, N'aggulawo enzigi ez'omu ggulu;
- 24 N'abatonyesezanga maanu okulya, N'abawanga emmere ey'omu ggulu.
- 25 Abantu ne balyanga emmere ey'abakulu: Yabweerezanga ebyokulya n'abakkusa.
- 26 N'akunsa empewo eziva ebuwanjuba mu ggulu: Era n'aluamya n'obuyinza bwe empewo eziva obukiika obwa ddyo.
- 27 Era n'abatonyeseza ennyama ng'enfuufu, N'ennyonyi ezibuuka ng'omusenyu ogw'ennyanja:
- 28 N'abigwisa wakati mu lusiisira lwabwe, Okwetooloola ennyumba zaabwe.
- 29 Awo ne balya, ne bakkuta nnyo; N'abawa kye baali beegomba.
- 30 Baali nga tebannayawukana n'okwegomba kwabwe, Emmere yaabwe yali ng'ekyali mu bumwa bwabwe,
- 31 Obusungu bwa Katonda ne bulinnya ku bo, Ne bubattamu abasinga obunene, Ne buzikiriza abavubuka ba Isiraeri.
- 32 Era naye ebyo byonna bwe byababaako ne boonona nate, Ne batakiriza bya magero bye.
- 33 Kyeyava amalawo ennaku zaabwe okuzifuula obutaliimu, N'emyaka gyabwe mu kutya.
- 34 Bwe yabatta, bwe baabuuzabuuza okumunoonya: Ne bakomawo ne bakeeranga okunoonya Katonda.
- 35 Ne bajjukira nga Katonda lwe lwazi lwabwe, Era nga Katonda ali waggulu ennyo ye yabanunula.
- 36 Naye baamunyumiriza na kamwa kaabwe, Ne bamulimbilimba n'olulimi lwabwe.
- 37 Kubanga omutima gwabwe tegwalongooka gy'ali, So tebaali beesigwa mu ndagaano ye.
- 38 Naye ye, kubanga yajjula okusaasira, n'asonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n'atazikiriza: Weewaawo, emirundi emingi yabayisaako obusungu bwe, N'atakubiriza busungu bwe bwonna.
- 39 Naye n'ajjukira nga bo mubiri bubiri; Empewo eziyita ne zitadda nate.

- 40 Emirundi nga mingi gye baakamujeemera mu ddungu, Ne bamunakuwaliza mu lukoola!
- 41 Ne bakyuka nate ne bakema Katonda, Ne banyiiiza Omutukuvu wa Isiraeri.
- 42 Tebajjukira mukono gwe, Newakubadde olunaku lwe yabanunuliramu eri omulabe.
- 43 Bwe yateeka obubonero bwe mu Misiri, N'eby'amagero bye mu nnimiro ya Zowaani;
- 44 N'afuula emigga gyabwe omusaayi, N'enzizi zaabwe ne batayinza kunywa.
- 45 N'atuma mu bo ebitole by'ensowera, ezaabaluma; N'ebikere, ebyabazikiriza.
- 46 Era n'awa obuwuka ekyengera kyabwe, N'emirimu gyabwe eri enzige.
- 47 N'atta emizabbibu gyabwe n'omuzira, N'emisukomooli gyabwe n'empeke ennene ez'omuzira.
- 48 Yawaayo n'ente zaabwe eri omuzira, N'endiga zaabwe eri enjota ezaaka.
- 49 Yabakasukako obusungu bwe obukambwe, N'okunyiiga, n'okunyiikaala, n'okunakuwala, Ekibiina kya bamalayika abaleeta obubi.
- 50 Yakubira obusungu bwe ekkubo, Teyasaasira mmeeme zaabwe okufa, Naye n'awaayo obulamu bwabwe eri olumbe;
- 51 N'akuba ababereberye bonna abaali mu Misiri, Abaasinga amaanyi mu weema za Kaamu:
- 52 Naye n'aggyamu abantu be ye ng'endiga, N'abaluamiza mu ddungu ng'ekisibo.
- 53 N'abakulembera mu mirembe bw'ati n'okutya ne batatya: Naye ennyanja n'esuulira ddala abalabe baabwe.
- 54 N'abaleeta ku nsalo ey'awatukuvu we, Ku lusozi luno omukono gwe ogwa ddyo lwe gwagula.
- 55 Era n'agobamu amawanga mu maaso gaabwe, N'agabawa okuba obusika ng'abagerera, N'atuuza ebika bya Isiraeri mu weema zaago.
- 56 Naye ne bakema Katonda ali waggulu ennyo ne bamujeemera, Ne batakwata bye yategeeza;
- 57 Naye ne bakyuka ennyuma ne bakuusakuusa nga bajajjaabwe: Ne bakyama ng'omutego ogw'obulimba.
- 58 Kubanga baamusunguwazanga n'ebifo byabwe eby'oku nsozi Ne bamukwasanga obuggya n'ebifaananyi byabwe ebyole.
- 59 Katonda bwe yawulira bw'atyo n'asunguwala, N'atamwa nnyo Isiraeri:
- 60 N'afuluka mu weema ey'omu Siiro, Eweema gye yali ateese mu bantu;
- 61 N'awaayo amaanyi ge mu busibe, N'ekitiibwa kye mu mukono gw'omulabe.
- 62 Era n'agabula abantu be eri ekitala; N'asunguwalira obusika bwe:
- 63 Omuliro ne gulya abavubuka baabwe; N'abawala baabwe ne batab na luyimba lwa kufumbirwa.
- 64 Bakabona baabwe ne bafa ekitala; Ne bannamwandu baabwe ne batakuba biwoobe.
- 65 Mukama n'alyoka azuukuka ng'azuukuka mu tulo, Ng'omuzira ayogerera waggulu ng'anywedde omwenge.
- 66 N'akuba abalabe be ne baddayo ennyuma: N'abakwaasa ensonyi ezitaggaawo.
- 67 Era n'agaana eweema ya Yusufu, N'atalonda kika kya Efulayimu;
- 68 Naye n'alonda ekika kya Yuda, Olusozi Sayuuni lwe yayagala.
- 69 N'azimba awatukuvu we okufaanana ng'ensozi, Ng'ensi gye yanyweza emirembe gyonna.
- 70 Era n'alonda Dawudi omuddu we, N'amuggya mu bisibo by'endiga:
- 71 Mu kugoberera endiga eziyonsa mwe yamuggya, Okulundanga Yakobo be bantu be, ne Isiraeri bwe busika bwe.
- 72 Awo n'abalundanga mu butuukirivu obw'omutima gwe; N'abaluamyanga n'amagezi g'emikono gye.

Essuula 79

- 1 Ai Katonda, amawanga gazze mu busika bwo; Boonoonye yeekaalu yo entukuvu; Basudde Yerusaalemi entuumo n'entuumo.
- 2 Emirambo gy'abaddu bo bagiwaddeyo okuba emmere y'ennyonyi eza waggulu, Emibiri gy'abatukuvu bo eri ensolo z'oku nsi.
- 3 Omusaayi gwabwe bagufuse ng'amazzi okwetooloola Yerusaalemi: Ne wataba muntu wa kubaziika.
- 4 Tufuuse ekivume eri baliraanwa baffe, Okuduulirwa n'okusekererwa eri abo abatwe-toolodde.
- 5 Ai Mukama, olituusa wa okusunguwala emirembe gyonna? Obuggya bwo bunaabu-ubuukanga ng'omuliro?
- 6 Fuka obusungu bwo ku mawanga agatakumanyi, Ne ku bwakabaka obutakoowoola linnya lyo.
- 7 Kubanga balidde Yakobo, Ne bazisa ekifo kye.
- 8 Tojjukira gye tuli obutali butuukirivu bwa bajjajjaffe: Okusaasira kwo okulungi kwan-guwe okutukulemberanga: Kubanga tujeezebwa nnyo.
- 9 Otuyambe, ai Katonda ow'obulokozi bwaffe, olw'ekitiibwa ky'erinnya lyo: Era otu-wonye, onaalize ddala ebibi byaffe, olw'erinnya lyo.
- 10 Ab'amawanga ekiriba kiboogeza kiki nti Katonda waabwe ali ludda wa? Eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu bo oguyiika
- 11 Okusinda kw'omusibe kujje mu maaso go; Ng'obuyinza bwo bwe buli obungi owonye abo abatekerwawo okufa;
- 12 Era owalane baliraanwa baffe emirundi musanvu mu kifuba kyabwe Ekivume kye baakuvuma ggwe, ai Mukama.
- 13 Naffe abantu bo era endiga ez'ettale lyo Tunaakwebazanga ennaku zonna: Tunaayole-sanga ettendo lyo okutuusa emirembe gyonna.

Essuula 80

- 1 Ai Omusumba wa Isiraeri, wulira, Ggwe aluamya Yusufu ng'ekisibo; Ggwe atuula wakati wa bakerubi, yakira ddala.
- 2 Mu maaso ga Efulayimu ne Benyamini ne Manase, kubiriza amaanyi go, Ojje otu-lokole.
- 3 Otukyuse nate, ai Katonda; Oyase amaaso go, naffe tulirokoka.
- 4 Ai Mukama Katonda ow'eggye, Olituusa wa okusunguwalira okusaba kw'abantu bo?
- 5 Wabaliisa emmere ey'amaziga, Era wabawa amaziga amangi okunywa.
- 6 Otufuula oluyombo eri baliraanwa baffe: N'abalabe baffe baseka bokka na bokka.
- 7 Otukyuse nate, ai Katonda ow'eggye; Era oyase amaaso go, naffe tulirokoka.
- 8 Waggya omuzabbibu mu Misiri: Wagobamu amawanga, n'ogusimba.
- 9 Wasaawa mu maaso gaagwo, Ne gusimba nnyo emmizi, ne gujjula ensi.
- 10 Ensozi ne zibikkibwa n'ekisiikirize kyagwo, N'amatabi gaagwo ne gaba ng'emivule gya Katonda.
- 11 Gwaloka amatabi gaagwo okutuusa ku nnyanja N'ensibuko zaagwo okutuusa ku Mugga.
- 12 Kiki ekyakumenyesa enkomera zaagwo, Bonna abayita mu kkubo ne bagunogako?
- 13 Embizzi eva mu kibira egunyaga, N'ensolo ez'omu nsiko zigulyako.
- 14 Okyuke nate, tukwegayiridde, ai Katonda ow'eggye: Otunuulire wansi ng'oyima mu ggulu, olabe, ojjire omuzabbibu ogwo.
- 15 N'ekikolo omukono gwo ogwa ddyo kye gwasimba, N'ettabi lye weekolera

ery'amaanyi.

- 16 Gwokeddwa omuliro, gutemeddwa ddala: Bazikirira amaaso go bwe gabanenya.
- 17 Omukono gwo gube ku musajja ow'omukono gwo ogwa ddyo, Ku mwana w'omuntu gwe weekolera ow'amaanyi.
- 18 Naffe tetulidda nnyuma okukuleka: Otuzuukize ggwe, naffe tunaakaabiranga erinnya lyo.
- 19 Otukyuse, nate, ai Mukama Katonda ow'eggye; Oyase amaaso go, naffe tulirokoka.

Essuula 81

- 1 Muyimbirenga waggulu Katonda amaanyi gaffe: Muleetenga eddoboosi ery'essanyu eri Katonda wa Yakobo.
- 2 Mwanukulenga oluyimba, muleetenga ekitaasa, Ennanga ennungi era n'amadinda.
- 3 Mufuuwenga ekkondeere omwezi nga kye gujje guboneke, Omwezi nga gwa ggabogabo, ku lunaku lwaffe olutukuvu olw'embaga.
- 4 Kubanga eryo lye tteeka eri Isiraeri, Ekiragiyo kya Katonda wa Yakobo.
- 5 Yakiteeka mu Yusufu okuba obujulirwa, Bwe yabuna ensi y'e Misiri: Gye nnawuulira olulimi lwe ssaamanya.
- 6 N'aggya ekibegabega kye ku mugugu; Engalo ze ne zisumattulwa mu bibbo.
- 7 Wakoowoola bwe wali mu nnaku, nange ne nkuwonya; Ne nkuddiramu mu kifo eky'ekyama eky'okubwatuka: Nakukemera ku mazzi ag'e Meriba. (Seera)
- 8 Muwulire, mmwe abantu bange, nange naabategeeza: Ggwe Isiraeri, singa okkiriza okumpulira!
- 9 Temuubenga katonda munnaggwanga mu ggwe; So toosinzenga katonda munnaggwanga yenna.
- 10 Nze Mukama Katonda wo, Eyakuggya mu nsi y'e Misiri: Yasama nnyo akamwa ko, nange naakajjuza.
- 11 Naye abantu bange tebaawulira ddooboosi lyange; So Isiraeri teyanjagala n'akatono.
- 12 Nange ne mbaleka okugoberera obukakanyavu bw'omutima gwabwe, Batambulirenga mu kuteesa kwabwe bo.
- 13 Singa abantu bange bakkiriza okumpulira, Singa Isiraeri akkiriza okutambulira mu makubo gange!
- 14 Nandiwangudde mangu abalabe baabwe, Nandikyusizza omukono gwange ku abo abalwana nabo.
- 15 Abakyawa Mukama bandimujeemulukukidde: Naye ekiseera kyabwe kyandibadde kya mireembe gyonna.
- 16 Era yandibaliisizza n'obugimu obw'eaano: Era nandikukkusizza n'omubisi gw'enjuki oguva mu jjinja.

Essuula 82

- 1 Katonda ayimirira mu kibiina kya Katonda; Asala emisango mu bakatonda.
- 2 Mulituusa wa okusalanga emisango egitali gya nsonga, N'okusalirizanga ababi? (Seera)
- 3 Musalirenga emisango omwavu n'oyo atalina kitaawe: Mugattenga oyo ali mu nnaku n'atalina bintu.
- 4 Muwonyenga omwavu n'oyo eyeetaaga: Mubalokolenga mu mukono gw'omubi.
- 5 Tebamanya so tebategeera; Batambulatambula mu kizikiza: Emisingi gyonna egy'ensi gisagaasagana.
- 6 Nayogera nti Muli bakatonda, Era mwenna muli baana b'oyo ali waggulu ennyo.

- 7 Era naye munaafanga ng'abantu, Era munaagwanga ng'omu ku balangira.
- 8 Golokoka, ai Katonda, osalire ensi omusango: Kubanga olisikira amawanga gonna.

Essuula 83

- 1 Ai Katonda, tosirika nate: Toleka kwogera, so tobeererawo, ai Katonda.
- 2 Kubanga, laba, abalabe bo bayoogaana: N'abo abakukyawa bayimusizza omutwe.
- 3 Basala enkwe ku bantu bo, Bateesa wamu obubi ku bantu bo abakweke.
- 4 Boogedde nti Mujje tubazikirize balemenga okuba eggwanga; Erinnya lya Isiraeri liremenga okujjukirwa nate.
- 5 Kubanga bateesezza wamu n'omwoyo gumu; Balagaana endagaano ku ggwe:
- 6 Eweema za Edomu n'ez' Abaisimaeri; Mowaabu, n'Abakagale;
- 7 Gebali, ne Amoni, ne Amaleki; Firisutiya awamu n'abo abatuula mu Ttuulo:
- 8 Era n'Obwasuli bwegasse nabo; Bayambye abaana ba Lutti. (Seera)
- 9 Obakole nga bwe wakola Midiyaani; nga Sisera, nga Yabini, ku mugga Kisoni;
- 10 Obakole nga bwe wakola Midiyaani; nga Sisera, nga Yabini, ku mugga Kisoni;
- 11 Abakungu baabwe obafaananye nga Olebu ne Zeebu; Weewaawo, abalangira baabwe bonna nga Zeba ne Zalumunna:
- 12 Abaayogera nti Twetwalire fekka Ennyumba za Katonda tuzirye.
- 13 Ai Katonda wange, obafuule ng'enfuufu ey'akazimu; Ng'ebisasiro empewo bye zitwala.
- 14 Ng'omuliro ogwokya ekibira, Era ng'ennimi z'omuliro ezookya ensozi;
- 15 Obayigganye bw'otyo ne kibuyaga wo, Era obatiise n'empewo zo.
- 16 Jjuza amaaso gaabwe okweraliikirira; Banoonyenga erinnya lyo, ai Mukama.
- 17 Bakwatibwenga ensonyi, batyenga ennaku zonna; Weewaawo, beeraliikirirenga bazikirirenga:
- 18 Balyoke bategeerenga nga ggwe wekka, erinnya lyo YAKUWA, Oli waggulu nnyo ng'ofuga ensi yonna.

Essuula 84

- 1 Eweema zo nga nnungi, Ai Mukama ow'eggye.
- 2 Emmeeme yange yeegomba, era ezirise olw'empya za Mukama; Omutima gwange n'omubiri gwange bikaabira Katonda omulamu.
- 3 Weewaawo, enkazaluggya yeerabidde ennyumba, N'akataayi ekisu mwe kanaabiikiranga obwana bwako, Bye byoto byo, ai Mukama ow'eggye, Kabaka wange, era Katonda wange.
- 4 Balina omukisa abatuula mu nnyumba yo: Banaakutenderezanga. (Seera)
- 5 Alina omukisa omuntu amaanyi ge bwe gaba mu ggwe; Enguudo ezigenda mu Sayuuni nga ziri mu mutima gwe.
- 6 Nga bayita mu kiwonvu eky'amaziga bakifuula ekifo eky'ensulo; Weewaawo, ddumbi akibikkako n'omukisa.
- 7 Bava mu maanyi ne baggukira mu maanyi, Buli muntu mu bo alabika mu maaso ga Katonda mu Sayuuni.
- 8 Ai Mukama Katonda ow'eggye, wulira okusaba kwange: Otege okutu, ai Katonda wa Yakobo. (Seera)
- 9 Tunula, ai Katonda engabo yaffe, Olabe amaaso g'oyo gwe wafukako amafuta.
- 10 Kubanga olunaku lumu mu mpya zo lusinga olukumi. Njagala okuba omuggazi mu nnyumba ya Katonda wange Okusinga okutuula mu weema ez'obubi.
- 11 Kubanga Mukama Katonda ye njuba, ye ngabo: Mukama anaagabanga ekisa

n'ekitiibwa: Tammenga kintu kirungi kyonna abo abeegendereza.

12 Ai Mukama ow'eggye, Alina omukisa omuntu akwesiga ggwe.

Essuula 85

- 1** Mukama, watunuulira ensi yo n'ekisa: Wazza obusibe bwa Yakobo.
- 2** Wasonyiwa obutali butuukirivu obw'abantu bo, Wabikka ku kibi kyabwe kyonna. (Seera)
- 3** Waggyawo obusungu bwo bwonna: Wakyuka n'oleka ekiruyi kyo ekikambwe:
- 4** Otukyuse, ai Katonda ow'obulokozi bwaffe. Era okunyiiga kwo kuggweewo eri ffe.
- 5** Onootuusunguwaliranga ennaku zonna? Onootuusanga obusungu bwo emirembe gyonna?
- 6** Tolituzuukiza nate, Abantu bo bakusanyukirenga ggwe?
- 7** Otulage okusaasira kwo, ai Mukama, Otuwe obulokozi bwo.
- 8** Ka mpulire Katonda Mukama by'anaayogera: Kubanga anaabuulira abantu be emirembe, n'abatukuvu be: Naye baleme okukyama nate mu busirusiru.
- 9** Mazima obulokozi bwe buba kumpi abo abamutya; Ekitiibwa kiryoke kituulenga mu nsi yaffe.
- 10** Okusaasira n'amazima birabaganye; Obutuukirivu n'emirembe binywegeraganye.
- 11** Amazima galose mu ttaka; N'obutuukirivu butunudde ku nsi nga buyima mu ggulu.
- 12** Weewaawo, Mukama anaagabanga ebirungi; N'ensi yaffe eneereetanga ekyengera kyayo.
- 13** Obutuukirivu bunaamukulemberanga; Era bunaakubiranga ebigere bye ekkubo.

Essuula 86

- 1** Otege okutu kwo, ai Mukama, onziremu; Kubanga nze ndi mwavu, sirina bintu.
- 2** Okuume emmeeme yange; kubanga nze ntya Katonda: Ai ggwe Katonda wange, olokole omuddu wo akwesiga.
- 3** Onsaasire, ai Mukama; Kubanga nkukoowoola ggwe okuzibya obudde.
- 4** Osanyuse emmeeme y'omuddu wo; Kubanga nnyimusa emmeeme yange eri ggwe, ai Mukama.
- 5** Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa, Era ojjula ekisa eri abo bonna abakukoowoola.
- 6** Otege okutu, ai Mukama, eri okusaba kwange; Owulire eddoboosi ery'okwegayirira kwange.
- 7** Ku lunaku olw'okunakuwala kwange ndikukoowoola; Kubanga olinziramu.
- 8** Tewali afaanana nga ggwe mu bakatonda, ai Mukama; So tewali bikolwa ebiri ng'ebibyoy.
- 9** Amawanga gonna ge wakola galijja, galisinza mu maaso go, ai Mukama; Era galigulumiza erinnya lyo.
- 10** Kubanga ggwe mukulu, era okola eby'ekitalo: Ggwe Katonda wekka.
- 11** Onjigirizenga ekkubo lyo, ai Mukama; naatambuliranga mu mazima go: Ogatte wamu omutima gwange gutye erinnya lyo.
- 12** Naakutenderezanga, ai Mukama Katonda wange, n'omutima gwange gwonna; Era naagulumizanga erinnya lyo emirembe gyonna.
- 13** Kubanga okusaasira kwo kungi gye ndi; Era wawonya emmeeme yange mu bunnya obuli wansi ennyo.
- 14** Ai Katonda, ab'amalala bangolokokeddeko, N'ekibiina eky'abatemu banoonyezza emmeeme yange, So tebakutadde ggwe mu maaso gaabwe.

- 15 Naye ggwe, ai Mukama, oli Katonda ajjula okusaasira, ow'ekisa, Alwawo okusunguwala, alina okusaasira n'amazima amangi.
- 16 Onkyukire, onsaasire; Owe omuddu wo amaanyi go, Olokole omwana w'omuzaana wo.
- 17 Ondage akabonero olw'obulungi; Abankyaye bakalabe bakwatibwe ensonyi. Kubanga ggwe, ai Mukama, onnyambye, era onsanyusizza.

Essuula 87

- 1 Emisingi gye giri ku nsozi entukuvu.
- 2 Mukama ayagala emiryango gya Sayuuni Okusinga ennyumba zonna eza Yakobo.
- 3 Eby'ekitiibwa bikwogerwako, Ggwe ekibuga kya Katonda. (Seera)
- 4 Ndyogera ku Lakabu ne Babulooni nga bali mu abo abamanyi: Laba Firisutiya, ne Ttuulo, ne Esiyoopya; Oyo Yazaalirwa omwo.
- 5 Weewaawo, kiryogerwa ku Sayuuni nti Gundi ne gundi baazaalirwa omwo; N'oyo ali waggulu ennyo alikinyweza yennyini.
- 6 Mukama alibala, bw'aliwandiika amawanga, Nti Gundi yazaalirwa omwo. (Seera)
- 7 Abayimba era n'abo abazina (balyogera nti) Ensulo zange zonna ziri mu ggwe.

Essuula 88

- 1 Ai Mukama, Katonda ow'obulokozi bwange, Naakaabiranga emisana n'ekiro mu maaso go:
- 2 Okusaba kwange kuyingire w'oli; Otege okutu kwo eri okukaaba kwange:
- 3 Kubanga emmeeme yange ejjudde ennaku, N'obulamu bwange busemberera e magombe.
- 4 Bambalira wamu n'abo abakka mu bunnya; Nninga omuntu atalina mubeezi:
- 5 Asuulibwa mu bafu, Ali ng'abattibwa abagalamira mu ntaana, B'otojjukira nate; Era bayawukana n'omukono gwo.
- 6 Ontadde mu bunnya obuli wansi ennyo, Mu bifo eby'enzikiza, mu buziba.
- 7 Obusungu bwo bunyigiriza nnyo, Era ombonyabonyezza n'amayengo go gonna. (Seera)
- 8 Onjawukanyirizza wala n'abo be mmanyi; Onfudde ekitama eri abo: Nsibiddwa, so siyinja kuvaamu.
- 9 Eriiso lyange likulukuse olw'okunakuwala: Nkukaabira buli lunaku, ai Mukama, Ntega engalo zange eri ggwe.
- 10 Oliraga abafu eby'amagero? Abaafa baligolokoka balikutendereza? (Seera)
- 11 Ekisa kyo kiribuulirirwa mu magombe? N'obwesigwa bwo mu kuzikirira?
- 12 Eby'amagero byo birimanyirwa mu kizikiza? N'obutuukirivu bwo mu nsi ey'okwer-abira?
- 13 Naye ggwe, ai Mukama, gwe nkaabira, Era buli nkya okusaba kwange kunaatuukanga mu maaso go.
- 14 Mukama, kiki ekikusuuza emmeeme yange? Kiki ekikunkwesa amaaso go?
- 15 Mbonyaabonyezebwa, nfaanana okufa okuva mu buto bwange: Entiisa zo bwe zim-baako, ne nneeraliikirira nnyo.
- 16 Obusungu bwo obukambwe buntuuseeko; Entiisa zo zizingizizza.
- 17 Banneetooloola ng'amazzi okuzibya obudde; Bantaayiza eruuyi n'eruuyi wamu.
- 18 Abanjagala ne mikwano gyange obaawukanyizza wala nange, N'abo be mmanyi mu kizikiza.

Essuula 89

- 1 Naayimbanga ku kusaasira kwa Mukama ennaku zonna: N'akamwa kange naategeezanga ab'emirembe gyonna obwesigwa bwo.
- 2 Kubanga njogedde nti Okusaasira kunaanywezebwanga okutuusa emirembe n'emirembe; Era ne mu ggulu onooimbanga obwesiswa bwo.
- 3 Ndagaanye endagaano n'abalonde bange, Ndayiridde Dawudi amuddu wange;
- 4 Ezzedde lyo nnaalinywezanga ennaku zonna, N'entebe yo naagizimbiranga ddala emirembe gyonna. (Seera)
- 5 N'eggulu linaatenderezanga eby'amagero byo, ai Mukama; Era n'obwesigwa bwo mu kkuaaniro ery'abatukuvu.
- 6 Kubanga ani mu ggulu gwe bayinza okugeraageranya ne Mukama? Ani ku baana b'abakulu ali nga Mukama.
- 7 Ye Katonda atiibwa ennyo mu lukiiko olw'abatukuvu, Agwaana okutiibwa okusinga bonna abamwetooloola?
- 8 Ai Mukama Katonda ow'eggye, Ani ow'amaanyi, afaanana nga ggwe, ai YA? N'obwesigwa bwo bukwetooloola.
- 9 Ggwe ofuga amalala g'ennyanja: Amayengo gaayo bwe gagolokoka, ogateesa.
- 10 Wamenyaamenya Lakabu ng'omuntu attibwa; Wasaasaanya abalabe bo n'omukono ogw'amaanyi go.
- 11 Eggulu liryo, era n'ensi yiyo: Ebintu byonna n'okujjula kwabyo wabiteekawo.
- 12 Obukiika obwa kkono n'obwa ddyo wabutonza: Taboli ne Kerumooni zisanyukira erinnya lyo.
- 13 Olina omukono ogw'amaanyi: Engalo zo za maanyi, n'omukono gwo ogwa ddyo gugulumizibwa.
- 14 Obutuukirivu n'omusango bye binyweza entebe yo: Okusaasira n'amazima bikulembera amaaso go.
- 15 Balina omukisa abantu abamanya eddoozi ery'essanyu: Ai Mukama, batambulira mu musana gw'amaaso go.
- 16 Basanyukira erinnya lyo okuzibya obudde; Era bagulumizibwa mu butuukirivu bwo.
- 17 Kubanga ggwe oli kitiibwa ky'amaanyi gaabwe: N'olw'ekisa kyo ejjembe lyaffe linaagulumizibwanga.
- 18 Kubanga Mukama ye nannyini ngabo yaffe; Era Omutukuvu wa Isiraeri ye nannyini kabaka waffe.
- 19 Mu biro biri wagambira abatukuvu bo mu kwolesebwa, N'oyogera nti Ntadde obuyambi ku muntu ow'amaanyi; Ngulumizizza omuntu eyalondebwa mu bantu.
- 20 Ndabye Dawudi omuddu wange; Mmufuseeko amafuta gange amatukuvu:
- 21 Engalo zange zinaanywezebwanga gy'ali; N'omukono gwange gunaamuwanga amaanyi.
- 22 Omulabe taamujoogenga: Newakubadde omwana w'obubi taamubonyeebonyenga.
- 23 Nange naasuulanga abanaalwananga naye mu maaso ge, Era naakubanga abanaamukyawanga.
- 24 Naye obwesigwa bwange n'okusaasira kwange binaabanga naye; Ne mu linnya lyange ejjembe lye linaagulumizibwanga.
- 25 Era naateekanga omukono gwe ku nnyanja, N'omukono gwe ogwa ddyo ku migga.
- 26 Anankaabiranga nti Ggwe kitange, Katonda wange, era ejjinja ery'obulokozi bwange.
- 27 Era ndimufuula omubereberye wange, Asinga bakabaka ab'ensi.
- 28 Naamuterekeranga okusaasira kwange emirembe n'emirembe, N'endagaano yange eneenyeranga gy'ali.
- 29 Era naawangazanga ezzadde lye emirembe gyonna, N'entebe ye ng'ennaku

ez'eggulu.

- 30 Abaana be bwe banaalekanga amateeka gange, Ne batatambuliranga mu misango gyange;
- 31 Bwe banaanyoomanga ebiragiyo byange, Ne batakwatanga mateeka gange;
- 32 Nange najjiranga okwonoona kwabwe n'omuggo, N'obutali butuukirivu bwabwe n'okukuba.
- 33 Naye siimuggirengako ddala kusaasira kwange, So siiganyenga bwesigwa bwange okuweebuuka.
- 34 Siimenyenga ndagaano yange, Sijjululenga kigambo ekyava mu mimwa gyange.
- 35 Omulundi gumu nalayira obutuukirivu bwange; Siimulimbenga Dawudi.
- 36 Ezzadde lye linaabeereranga emirembe gyonna, N'entebe ye ng'enjuba mu maaso gange.
- 37 Eneenywezebwanaga ennaku zonna ng'omwezi, Era ng'omujulirwa omwesigwa mu ggulu. (Seera)
- 38 Naye wasuula n'ogoba N'osunguwalira oyo gwe wafukako amafuta.
- 39 Wakyawa endagaano ey'omuddu wo. Wanyooma engule ye n'ogisuula wansi.
- 40 Wamenyaamenya enkomera ze zonna; Wayabya ebigo bye.
- 41 Bonna abayita mu kkubo bamunyaga: Afuuse ekivume eri baliraanwa be.
- 42 Ogulumizizza omukono ogwa ddyo ogw'abalabe be; Osanyusizza abamukyaye bonna.

- 43 Weewaawo, okyamizza obwogi bw'ekitala kye, So tomuyimirizizza mu lutalo.
- 44 Omazeewo okumasamasa kwe, N'osuulira ddala entebe ye wansi.
- 45 Osaze ku nnaku ez'obuvubuka bwe: Omubisseeko ensonyi. (Seera)
- 46 Olituusa wa, ai Mukama, okwekwekanga ennaku zonna? Obusungu bwo bulituusa wa okubuubuukanga ng'omuliro?
- 47 Ojjukire, nkwegayiridde, ekiseera kyange bwe kiri ekitono: Abaana b'abantu bonna nga wabatondera ebitaliimu!
- 48 Omuntu aluwa aliba omulamu ataliraba kufa, Alyewonya emmeeme ye mu buyinza bw'amagombe? (Seera)
- 49 Mukama, okusaasira kwo okw'edda kuli luuyi wa, Kwe walayirira Dawudi mu bwesigwa bwo?
- 50 Jjukira, Mukama, abaddu bo bwe bavumibwa; Bwe nsitula mu kifuba kyange ekivume eky'amawanga gonna ag'amaanyi;
- 51 Abalabe bo kye bavuma, ai Mukama, Kye bavuma ebigere by'oyo gwe wafukako amafuta.
- 52 Mukama yeebazibwenga emirembe n'emirembe. Amiina, era Amiina.

Essuula 90

- 1 Mukama, ggwe wali kifo kyaffe eky'okutuulamu Mu mirembe gyonna.
- 2 Ensozi nga tezinnaaalibwa, Era nga tonnabumba nsi n'ebintu Okuva mu mirembe gyonna okutuusa mu mirembe gyonna, ggwe Katonda.
- 3 Osindika abantu mu kuzikirira; Era oyogera nti Muddeeyo, mmwe abaana b'abantu.
- 4 Kubanga emyaka olukumi mu maaso go Giri ng'olwajjo olwayita, Era ng'ekisisimuka ky'ekiro.
- 5 Obatwalira ddala nga mukoka; bali ng'otulo: Enkya bali ng'omuddo ogumera.
- 6 Enkya guloka, gumera; Akawungeezi nga gusaliddwa, era nga guwotose.
- 7 Kubanga obusungu bwo butumalawo, Era bw'onyiiga ne tweraliikirira.
- 8 Otadde obutali butuukirivu bwaffe mu musana gw'amaaso go, Ebibi byaffe eby'ekyama mu musana gw'amaaso go.

- 9 Kubanga ennaku zaffe zonna ziyita mu busungu bwo; Emyaka gyaffe giggwaawo ng'ekirowoozo.
- 10 Ennaku z'emyaka gyaffe gye myaka nsanvu, Era naye amaanyi gaweza emyaka ekinaana; Naye amalala gaabwe kwe kutegana n'okunakuwala kwereere; Kubanga gayita mangu, naffe ne tubula.
- 11 Ani amanyi obuyinza obw'obusungu bwo, N'okunyiiga nga bw'ogwanira okutiibwa?
- 12 Otuyigirize tubalenga bwe tutyo ennaku zaffe, Tulyoke tufune omutima omugezigezi.
- 13 Okomewo, ai Mukama; olituusa wa? Era wejjuse mu bigambo eby'abaddu bo.
- 14 Otukkuse enkya n'okusaasira kwo; Tusanyukenga, tujaguzenga, ennaku zaffe zonna.
- 15 Otusanyuse ng'ennaku bwe ziri ze watubonyaabonyezangamu Era ng'emyaka bwe giri gye twalabirangamu obubi.
- 16 Omulimu gwo gulabikirenga abaddu bo, N'ekitiibwa kyo kirabikenga ku baana baabwe.
- 17 Era n'obulungi bwa Mukama Katonda waffe bubeerenga ku ffe: Era otunywerezenga emirimu gy'emikono gyaffe.

Essuula 91

- 1 Atuula mu kifo eky'ekyama eky'oyo ali waggluu ennyo Ye anaabeeranga wansi w'ekisiikirize eky'Omuyinza w'ebintu byonna.
- 2 Naayogeranga ku Mukama nti Oyo kye kiddukiro kyange, era kye kigo kyange: Katonda wange gwe nneesiga.
- 3 Kubanga oyo ye anaakulokolanga mu mutego ogw'omuyizzi, Ne mu kawumpuli omubi.
- 4 Anaakubikkangako n'ebiwaawaatiro bye, Era wansi w'ebyoya bye w'onoddukiranga: Amazima ge ye ngabo, ge gakuuma.
- 5 Tootyenga lwa ntiisa ya kiro Newakubadde akasaale akagenda emisana;
- 6 Olw'olombe olutambulira mu kizikiza, Newakubadde olw'okuzikiriza okufaafaaganya mu ttuntu.
- 7 Abantu olukumi baligwira ku lubiriizi lwo, Era akakumi ku mukono gwo ogwa ddyo; Tekulikusemberera ggwe.
- 8 Naye olitunula n'amaaso go, Oliraba empeera y'ababi.
- 9 Kubanga ggwe, ai Mukama, oli kiddukiro kyange Omufudde oyo ali waggulu ennyo ekigo kyo w'otuula;
- 10 Tewali kabi akalikubaako, so tewali kibonoobono ekirisemberera eweema yo.
- 11 Kubanga alikulagiririza bamalayika be, Bakukuume mu makubo go gonna.
- 12 Balikuwanirira mu mikono gyabwe, Oleme okwesittala ekigere kyo ku jinja.
- 13 Olirinnya ku mpologoma ne ku ssalambwa; Olisamba empologoma ento n'omusota wansi w'ebigere byo.
- 14 Kubanga antaddeko okwagala kwe, kyendiva mmuwonya: Ndimugulumiza waggulu, kubanga amanyi erinnya lyange.
- 15 Alinkaabira, nange ndimuyita; Naabeeranga wamu naye bw'anaanakuwalanga: Ndimuwonya, ndimuwa ekitiibwa.
- 16 Ndimuwangaaza nnyo, ndimukkusa obulamu, Era ndimulaga obulokozi bwange.

Essuula 92

- 1 Kirungi okwebazanga Mukama, N'okuyimba okutenderezanga erinnya lyo, ggwe ali waggulu ennyo:
- 2 Okwolesanga ekisa kyo enkya, N'obwesigwa bwo buli kiro.

- 3 N'ekivuga ekirina enkoba ekkumi, era n'amadinda: N'eddoboozi ery'okusinza ery'ennanga.
- 4 Kubanga ggwe, Mukama, onsanyusizza n'omulimu gwo: Naajagulizanga emirimu gy'emikono gyo.
- 5 Emirimu gyo nga mikulu, ai Mukama Ebirowoozo byo bya buziba nnyo.
- 6 Omuntu ali ng'ensolo tamanyi kino, So nga n'omusirusiru takitegeera:
- 7 Ababi bwe baloka ng'omuddo, Era abakozi b'obubi bonna bwe babeera; Kyebava beera bazikirizibwe emirembe gyonna:
- 8 Naye ggwe, ai Mukama, ogulumizibwanga emirembe n'emirembe.
- 9 Kubanga, laba, abalabe bo, ai Mukama, Kubanga, laba, abalabe bo balizikirira; Abakozi b'obubi bonna balisaasaanyizibwa.
- 10 Naye ogulumizizza ejjembe lyange ng'ery'embogo: Nfukiddwako amafuta amaggya.
- 11 Era eriiso lyange Lirabye bye njagala nga bituuse ku balabe bange, Amatu gange gawulidde bye njagala nga bituuse ku abo abakola obubi abangolokokerako.
- 12 Omutuukirivu alyera ng'olukindu; Alikula ng'omuvule mu Lebanooni.
- 13 Abasimbirwa mu nnyumba ya Mukama Balyerera mu mpya za Katonda waffe.
- 14 Baliba nga bakyabala ebibala nga bakaddiye; Balijjula amazzi, baligejja:
- 15 Balage nga Mukama mutuukirivu; Oyo lye jjinja lyange, so mu ye temuli butali butuukirivu.

Essuula 93

- 1 Mukama afuga; ayambadde obukulu: Mukama ayambadde, yeesibye amaanyi: Era ensi enywedde n'okuyinza n'eteyinza kusagaasagana.
- 2 Entebe yo yanywera edda n'edda lyonna: Obeererawo okuva emirembe n'emirembe.
- 3 Amazzi gayimusizza, Ai Mukama, Amazzi gayimusizza eddoboozi lyago; Amazzi gayimusa amayengo gaago.
- 4 Okusinga amaloboozi ag'amazzi amangi, Amayengo amanene ag'oku nnyanja, Mukama ali waggulu asinza amaanyi.
- 5 Bye wategeeza bya mazima ddala: Obutukuvu busaanira emmyumba yo, Ai Mukama, emirembe n'emirembe.

Essuula 94

- 1 Ai Mukama, ggwe Katonda nannyini kuwalana, Ggwe Katonda nannyini kuwalana, omasizemasize ddala.
- 2 Weeyimuse, ggwe asalira ensi emisango: Owe ab'amalala ebibagwanira.
- 3 Mukama, ababi balituusa wa, Ababi balituusa wa okuwangula?
- 4 Boogera ebitaliimu, n'eby'amalala: Mumuyimbire Mukama oluyimba oluggya: Mumuyimbire Mukama, mmwe ensi zonna.
- 5 Bamenyaamenya abantu bo, ai Mukama, Era babonyaabonya obusika bwo.
- 6 Batta nnamwandu ne munnaggwanga, Era batta atalina kitaawe.
- 7 Ne boogera nti Mukama taalabe, So Katonda wa Yakobo taalowooze.
- 8 Mulowooze, mmwe abali ng'ensolo mu bantu: Nammwe abasirusiru, muligeziwala ddi?
- 9 Eyateekawo okutu, taliwulira? Eyabumba eriiso, taliraba?
- 10 Abonereza amawanga, talikangavvula, Ayigiriza abantu amagezi?
- 11 Mukama amanyi ebirowoozo by'abantu, Nga mukka.
- 12 Alina omukisa omuntu gw'obonereza, ai Mukama, Era gw'oyigiriza ebiva mu mateeka go;

- 13 Olyoke omuwummuze aleme okulaba ebiro eby'ennaku, Okutuusa obunnya lwe bulisimirwa ababi.
- 14 Kubanga Mukama talisuula bantu be, So talireka busika bwe.
- 15 Kubanga omusango gulidda mu butuukirivu: Ne bonna abalina emitima egy'amazima balibugoberera.
- 16 Ani anangolokokera ku abo abakola obubi? Ani anannyimiririra ku bakozi b'ebitali bya butuukirivu?
- 17 Singa Mukama teyali mubeezi wange, Emmeeme yange yanditudde mangu awali okusirika.
- 18 Bwe nnayogera nti Ekigere kyange kiseerera, Okusaasira kwo, ggwe Mukama, ne kumpanirira.
- 19 Mu birowoozo byange ebingi ebiri mu nze Okusanyusa kwo kumpoomera emmeeme yange.
- 20 Abafuga ababi balissa ekimu naawe, Abalagira eby'ettima mu mateeka?
- 21 Bakuaana okulumba emmeeme y'omutuukirivu, Ne basala omusango okusinga omusaayi ogutaliiko kabi.
- 22 Naye Mukama yabanga kigo kyange ekiwanvu; Era Katonda wange lye jjinja lye nneeyuna.
- 23 Era abaleeseeko obutali butuukirivu bwabwe bo, Era alibazikiriza mu bubu bwabwe; Mukama Katonda waffe alibazikiriza.

Essuula 95

- 1 Mujje, tuyimbire Mukama: Tuyimbire n'eddoboozi ery'essanyu ejjinja ery'obulokozi bwaffe.
- 2 Tujje mu maaso ge n'okwebaza, Tumuyimbire n'eddoboozi ery'essanyu ne zabbuli.
- 3 Kubanga Mukama ye Katonda omukulu, Era Kabaka omukulu asinga bakatonda bonna.
- 4 Enkonko z'ensi ziri mu mukono gwe; N'entikko z'ensozi nazo zizze.
- 5 Ennyanja yiye, era yagikola; N'emikono gye gye gyabumba olukalu.
- 6 Mujje, tusinze, tuvunname; Tufukamire mu maaso ga Mukama Omutonzi waffe:
- 7 Kubanga ye Katonda waffe, Naffe tuli bantu ba ttale lye, era endiga ez'omu mukono gwe. Leero, oba nga munaawulira eddoozi lye,
- 8 Temukakanyaza mitima gyammwe, nga e Meriba, Nga ku lunaku olw'e Masa mu ddungu:
- 9 Bajjajja bammwe bwe bankema, Ne bangeza, ne balaba omulimu gwange.
- 10 Emyaka amakumi ana nanyiikaalira ab'emirembe giri, Ne njogera nti Be bantu abakyama mu mutima gwabwe, So tebamanya makubo gange:
- 11 Kyennava ndayira mu busungu bwange, Nga tebaliyingira mu kiwummulo kyange.

Essuula 96

- 1 Muyimbire Mukama oluyimba oluggya: Mumuyimbire Mukama, mmwe ensi zonna.
- 2 Mumuyimbire Mukama, mwebaze erinnya lye: Mwolesenga obulokozi bwe buli lunaku buli lunaku.
- 3 Mubuulirenga ekitiibwa kye mu mawanga, Eby'amagero bye mu bantu bonna.
- 4 Kubanga Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa ennyo: Agwana okutiibwanga okusinga bakatonda bonna.
- 5 Kubanga bakatonda bonna ab'amawanga bye bifaananyi: Naye Mukama ye yakola eggulu.

- 6 Ekitiibwa n'obukulu biri mu maaso ge: Amaanyi n'obulungi biri mu watukuvu we.
- 7 Mumuwe Mukama, mmwe ebika eby'amawanga, Mumuwe Mukama ekitiibwa n'amaanyi.
- 8 Mumuwe Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye: Muleete ssaddaaka, mujje mu mpya ze.
- 9 Kale mumusinze Mukama mu bulungi obw'obutukuvu. Mukankane mu maaso ge, mmwe ensi zonna.
- 10 Mwogerere mu mawanga nti Mukama afuga: Era n'ensi enywera n'okuyinza n'eteyinza kusagaasagana: Alisalira amawanga emisango egy'ensonga.
- 11 Eggulu lisanyuke, era n'ensi ejaguze; Ennyanja ewuume, n'okujjula kwayo;
- 12 Ennimirow ejaguze, n'ebigirimu byonna; Emiti gyonna egy'omu kibira ne giryoka giyimba olw'essanyu;
- 13 Mu maaso ga Mukama, kubanga ajja; Kubanga ajja okusalira ensi emisango: Alisalira ensi emisango egy'ensonga, Aliramula amawanga n'amazima ge.

Essuula 97

- 1 Mukama afuga; ensi esanyuke: Ebizinga bijaguze bwe byenkana obungi.
- 2 Ebire n'ekizikiza bimwetooloola: Obutuukirivu n'omusango bye binyweza entebe ye.
- 3 Omuliro gumukulemba, Gwokya abalabe be eruuyi n'eruyi.
- 4 Enjota ze zaumulisa ensi: Ensi n'eraba n'ekankana.
- 5 Ensozi z'asaanuuka ng'envumbo awali Mukama, Awali Mukama w'ensi zonna.
- 6 Eggulu libuulira obutuukirivu bwe, N'amawanga gonna galabye ekitiibwa kye.
- 7 Bakwatibwe ensonyi bonna abasinza ebifaananyi ebyole, Abeenyumiriza olw'ebifaananyi: Mumusinze ye, mmwe bakatonda mwenna.
- 8 Sayuuni yawulira n'asanyuka, N'abawala ba Yuda ne bajaguza; Olw'emisango gyo, ai Mukama.
- 9 Kubanga ggwe, Mukama, oli waggulu nnyo ku nsi zonna: Ogulumizibwa okusinga ennyo bakatonda bonna.
- 10 Kale mmwe abaagala Mukama, mukyawe obubi: Akuuma emmeeme z'abatukuvu be; Abawonya mu mukono gw'omubi.
- 11 Omusana gwasigirwa omutuukirivu, N'essanyu oyo alina omutima ogw'amazima.
- 12 Musanyukire Mukama, mmwe abatuukirivu Era mwebaze erinnya lye ettukuvu.

Essuula 98

- 1 Mumuyimbire Mukama oluyimba oluggya; Kubanga akoze eby'amagero: Engalo ze eza ddyo, n'omukono gwe omutukuvu bimuleetedde obulokozi.
- 2 Mukama amanyisizza obulokozi bwe: Obutuukirivu bwe abwolekerezza ddala mu maaso g'amawanga.
- 3 Ajjukidde okusaasira kwe n'obwesigwa bwe eri ennyumba ya Isiraeri: Enkomerero zonna ez'ensi zirabye obulokozi bwa Katonda waffe.
- 4 Muyimbe n'eddoboozi ery'essanyu eri Mukama, mmwe ensi zonna: Muleete oluyimba muyimbe olw'essanyu, weewaawo, muyimbe eby'okutendereza.
- 5 Muyimbe okutendereza Mukama n'ennanga; N'ennanga era n'eddoboozi eriyimba.
- 6 N'amakondeere n'eddoboozi ery'akagombe Muleete eddoboozi ery'essanyu mu maaso ga Kabaka, Mukama.
- 7 Ennyanja ewuume, n'okujjula kwayo; Ensi zonna, n'abo abazituulamu;
- 8 Amazzi gakube mu ngalo; Ensozi ziyimbire wamu olw'essanyu;
- 9 Mu maaso ga Mukama, kubanga ajja okusalira ensi omusango: Alisalira ensi

emisango egy'ensonga, Aliramula amawanga n'obutuukirivu.

Essuula 99

- 1 Mukama afuga; amawanga gakankane; Atuula wakati wa bakerubi; ensi esagaasagane.
- 2 Mukama mukulu mu Sayuuni; Era ali waggulu okusinga amawanga gonna.
- 3 Batendereze erinnya lyo ekkulu era ery'entiisa. Ye mutukuvu.
- 4 Era amaanyi ga kabaka gaagala omusango ogw'ensonga; Ggwe onyweza obutuukirivu, Otuukiriza omusango n'obutuukirivu mu Yakobo.
- 5 Mumugulumizenga Mukama Katonda waffe, Era musinzizenga ku ntebe y'ebigere bye: Ye mutukuvu.
- 6 Musa ne Aloonu mu bakabona be, Ne Samwiri mu abo abakoowoola erinnya lye; Baakaabira Mukama, n'abayitaba.
- 7 Yayogerera nabo mu mpagi ey'ekire: Baakwata bye yategeza; n'ekiragiyo kye yabawa.
- 8 Wabaddamu, ai Mukama Katonda waffe: Wali Katonda abasonyiwa, Newakubadde nga wabawalana eggwanga olw'ebikolwa byabwe.
- 9 Mumugulumizenga Mukama Katonda waffe, Musinzizenga ku lusozi lwe olutukuvu; Kubanga Mukama Katonda waffe mutukuvu.

Essuula 100

- 1 Muleetere Mukama eddoboosi ery'essaayu, mmwe ensi zonna.
- 2 Mumuweereze Mukama n'essanyu: Mujje mu maaso ge n'okuyimba.
- 3 Mumanye nga Mukama ye Katonda: Oyo ye yatutonda, naffe tuli babe; Tuli bantu be, era endiga ez'omu ddundiro lye.
- 4 Musingire mu miryango gye n'okwebaza, Ne mu mpya ze n'okutendereza. Mumwebaze, mukuze erinnya lye.
- 5 Kubanga Mukama mulungi; okusaasira kwe kwa lubeerera; N'obwesigwa bwe bwa mirembe gyonna.

Essuula 101

- 1 Naayimbanga ku kusaasira ne ku musango: Ggwe, ai Mukama, gwe nnaayimbiranga okutendereza.
- 2 Naatambuliranga n'amagezi mu kkubo ettuukirivu: Woowe, olijja gye ndi ddi? Naatambuliranga mu nnyumba yange n'omutima ogutuukiridde.
- 3 Siiteekenga kintu kyonna ekitasaana mu maaso gange: Nkyawa omulimu gw'abo abakyama; Tegwegattenga nange:
- 4 Omutima ogutawulira gulindekera ddala: Sirimanya kintu kyonna kibi.
- 5 Awaayiririza munne mu kyama, oyo n'azikirizanga: Alina amaaso ageegulumiza n'omutima ogw'amalala siimugumiikirizenga.
- 6 Amaaso gange ganaatunuuliranga abeesigwa ab'omu nsi, batuulenga wamu nange: Atambulira mu kkubo ettuukirivu ye anampeerezanga.
- 7 Akola eby'obulimba talituula mu nnyumba yange: Ayogera ebitali bya mazima talinywera mu maaso gange.
- 8 Buli nkya naazikirizanga ababi bonna ab'omu nsi; Mmalewo bonna abakola ebitali bya butuukirivu baggweewo mu kibuga kya Mukama.

Essuula 102

- 1 Wulira okusaba kwange, ai Mukama, Okukaaba kwange kutuuke gy'oli.
- 2 Tonkisa maaso go ku lunaku olw'okunakuwala kwange: Otege okutu kwo we ndi; Ku lunaku lwe nkoowoolerako ompitabe mangu.
- 3 Kubanga ennaku zange ziggwaawo ng'omukka, N'amagumba gange gookebwa ng'omumuli.
- 4 Omutima gwange gwokeddwa, guwotose ng'omuddo; Kubanga neerabira okulya emmere yange.
- 5 Olw'eddoboozi eryokusinda kwange Amagumba gange geegasse n'omubiri gwange.
- 6 Nninga kimbala ow'omu dduungu Nfuuse ng'ekiwuugulu eky'omu nsiko.
- 7 Ntunula, era nfuuse Ng'enkazaluggya etuula ku kitikiro yokka.
- 8 Abalabe bange bazibya obudde okunvuma; Abandalukidde bandayira.
- 9 Kubanga ndidde evvu ng'omugaati, Era ntabudde kye nnywedde n'amaziga.
- 10 Olw'okunyiiga kwo n'obusungu bwo: Kubanga wannonda n'onsuula.
- 11 Ennaku zange ziri ng'ekisiikirize ekiggwaawo; Era mpotose ng'omuddo.
- 12 Naye ggwe, ai Mukama, onoobeeranga ennaku zonna: N'ekijjukizo kyo okutuusa emirembe gyonna.
- 13 Oligolokoka, olisaasira Sayuuni: Kubanga obudde butuuse okumusaasira, Weewaawo, obudde obwalagirwa butuuse.
- 14 Kubanga abaddu bo basanyukira amayinja ge, Era basaasira enfuufu ye.
- 15 Bwe gatyo amawanga gonna galitya erinnya lya Mukama, Ne bakabaka bonna ab'ensi balitya ekitiibwa kyo:
- 16 Kubanga Mukama azimbidde ddala Sayuuni, Alabikidde mu kitiibwa kye;
- 17 Alwoozezza okusaba kw'abo abafiiriddwa, So tanyoomye kusaba kwabwe.
- 18 Ekyo kiriwandikirwa emirembe egirijja: N'eggwanga eriritondebwa liritendereza Mukama.
- 19 Kubanga atunuulidde wansi ng'ayima ku watukuvu we awagulumivu; Mukama yalaba ensi ng'ayima mu ggulu;
- 20 Okuwulira okusinda kw'omusibe; Okusumulula abo abatekerwawo okufa;
- 21 Abantu balyoke batenderanga erinnya lya Mukama mu Sayuuni N'ettendo lye mu Yersaalemi;
- 22 Amawanga bwe galikuaana awamu, N'amatwale, okuweereza Mukama.
- 23 Yakendeeza ku maanyi gange mu kkubo; Yasala ku nnaku zange.
- 24 Ne njogera nti Ai Katonda wange, tontwalira ddala ng'ennaku zange tezinnggwaawo: Emyaka gyo gibeerera emirembe gyonna.
- 25 Edda n'edda watandika ensi; N'eggulu gwe mulimu gw'emikono gyo.
- 26 Ebyo biriggwaawo, naye ggwe onoobeeranga: Weewaawo, ebyo byonna birikaddiwa ng'ekyambalo; Olibiwaanyisa ng'ekyambalo, n'ebyo biriwaanyisibwa:
- 27 Naye ggwe oba bumu, N'emyaka gyo tegirikoma.
- 28 Abaana b'abaddu bo banaabeerangawo. N'ezzadde lyabwe linaanywezebwanaga mu maaso go.

Essuula 103

- 1 Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange; Ne byonna ebiri munda yange, mwebaze erinnya lye ettukuvu.
- 2 Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange, So teweerabira birungi bye byonna:
- 3 Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu; Awonya endwadde zo zonna;
- 4 Anunula obulamu bwo buleme okuzikirira; Akussaako engule ey'ekisa n'okusaasira

okulungi:

- 5 Akkusa akamwa ko ebirungi; Obuvubuka bwo ne budda obuggya ng'empungu.
- 6 Mukama akola eby'obutuukirivu, Atuukiriza emisango ku lw'abo bonna abajoogebwa.
- 7 Yamanyisa Musa amakubo ge, N'ebikolwa bye eri abaana ba Isiraeri.
- 8 Mukama ajjudde okusaasira n'ekisa, Alwawo okusunguwala, alina okusonyiwa okungi.
- 9 Taanenyenga ennaku zonna; So taabenga na busungu mirembe gyonna.
- 10 Tatukoze ng'ebibi byaffe bwe biri, So tatusasudde ng'ebikolwa byaffe ebitali bya butuukirivu bwe biri.
- 11 Kuba eggulu nga bwe liri waggulu okusinga ensi, N'okusaasira kwe bwe kuli okungi bwe kutyo eri abo abamutya.
- 12 Ebuwanjuba n'ebugwanjuba bwe biri ewala, Bw'atyo bw'atutadde ewala ebyonoona byaffe:
- 13 Nga kitaabwe bw'asaasira abaana be, Ne Mukama bw'asaasira bw'atyo abamutya.
- 14 Kubanga amanyi omubiri gwaffe; Ajjukira nga ffe tuli nfuufu.
- 15 Omuntu, ennaku ze ziri ng'omuddo; Ng'ekimuli eky'omu nsiko, bw'ayera bw'atyo.
- 16 Kubanga empewo zikikuntako, ne kiba nga kigenze; N'ekifo kyakyo tekirikimanya nate.
- 17 Naye okusaasira kwa Mukama kwava mu mirembe gyonna era kulituuka mu mirembe gyonna eri abamutya, N'obutuukirivu bwe eri abaana b'abaana;
- 18 Eri abo abakwata endagaano ye, N'eri abo abajjukira ebiragiro bye okubikola.
- 19 Mukama yanyweza entebe ye mu ggulu; N'obwakabaka bwe bufuga byonna.
- 20 Mumwebaze Mukama, mmwe bamalayika be: Mmwe abazira ab'amaanyi, abatuukiriza ekigambo kye, Nga muwulira eddoozi ery'ekigambo kye.
- 21 Mumwebaze Mukama, mmwe mwenna eggye lye; Abaweereza be, abakola by'ayagala.
- 22 Mumwebaze Mukama, mmwe mwenna emirimu gye, Mu bifo byonna by'afugiramu: Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange.

Essuula 104

- 1 Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange. Ai Mukama Katoada wange, oli mukulu nnyo; Oyambadde ekitiibwa n'obukulu.
- 2 Eyeebikka omusana ng'ekyambalo; Atimba eggulu ng'eggigi:
- 3 Asimba empagi ez'enju ze mu mazzi; Afuula ebire eggaali lye; Atambulira ku biwaawaatiro by'empewo:
- 4 Afuula ababaka be empewo; N'abaweereza be omuliro ogwaka:
- 5 Eyasimba emisingi gy'ensi, Ereme okusagaasagananga emirembe gyonna.
- 6 Wagibikkako ennyanja ng'ekyambalo; Amazzi ne gayimirira waggulu w'ensozi.
- 7 Ggwe bwe wanenya ne gadduka; Eddoozi ery'okubwatuka kwo bwe lyawulirwa ne ganguwa okugenda;
- 8 Gaalinnya ku nsozi, gaaserengetera mu biwonvu, Ne gatuuka mu kifo kye wagateekerawo.
- 9 Wagalagira ensalo gye gatayinza kusukkako; Galeme okudda nate okubikka ku nsi.
- 10 Aleeta enzizi mu biwonvu; Zikulukuta mu nsozi:
- 11 Zinywesa ensolo zonna ez'omu nsiko; Entulege ziwona ennyonta.
- 12 Ennyonyi ez'omu ggulu kwe zituula ku ezo, Ziyimbira mu matabi.
- 13 Afukirira amazzi ensozi ng'ayima mu nju ze: Ensi n'ekkuta ebibala eby'emirimu gyo.
- 14 Amereza ente essubi, N'omuddo okuweereza abantu; Balyoke baggyenga emmere mu

ttaka;

- 15 N'omwenge ogusanyusa omutima gw'abantu, N'amafuta ganyirizenga amaaso ge, N'emmere ewa omuntu amaanyi omutima gwe.
- 16 Emiti gya Mukama gikkuta; Emivule gya Lebanoni gye yasimba;
- 17 Ennyonyi gye zikoleramu ebisu byazo: Kasida, emiberoosi ye nnyumba ye.
- 18 Ensozi empanvu ziba za mbulabuzi; Amayinja kye kiddukiro ky'obumyu.
- 19 Yateekerawo omwezi ebiro: Enjuba emanyi okugwa kwayo.
- 20 Ggwe oleeta ekizikiza, ekiro ne kibaawo; Ensolo zonna ez'omu kibira mwe zifulumira nga zisooba.
- 21 Empologoma ento zivuumira gye zinaalya, Era zinoonya emmere yaazo eri Katonda.
- 22 Enjuba n'evaayo, ne zigenda, Ne zeebaka mu mpuku zaazo.
- 23 Abantu ne bagenda ku mulimu gwabwe N'okutegana kwabwe okutuusa akawungeezi.
- 24 Ai Mukama, emirimu gyo nga gya ngeri nnyingi Wagikola gyonna mu magezi: Ensi ejjudde obugagga bwo.
- 25 Ennyanja eri, ennene engazi, Omuli ebyewalula ebitabalikika, Ebisolo ebitono era n'ebinene.
- 26 Eri amaato gye gayitako; Lukwata mwali, gwe wakola okuzannyira omwo.
- 27 Ebyo byonna bikulindirira ggwe, Obiwe emmere yaabyo mu ntuuko zaayo.
- 28 Gy'obiwa gye bikuaanya; Oyanjuluza engalo, ne bikkuta ebirungi.
- 29 Okisa amaaso go, ne byeraliikirira; Obiggyamu omukka gwabyo, ne bifa, Ne bidda mu nfuufu yaabyo.
- 30 Otuma omwoyo gwo, ne bitondebwa; Era ofuula obuggya amaaso g'ettaka.
- 31 Ekitiibwa kya Mukama kubeere kya kubeerera; Mukama asanyukire emirimu gye:
- 32 Atunuulira ensi, n'ekankana; Akwata ku nsozi, ne zinyooka.
- 33 Naayimbiranga Mukama nga nkyali mulamu: Naayimbanga okutendereza Katonda wange nga nkyaliwo.
- 34 Okulowooza kwange kumuwoomerenga: Naasanyukiranga Mukama.
- 35 Ababi bazikirire baggweewo ku nsi, Aboononye baleme okubeerawo nate. Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange. Mumutendereze Mukama.

Essuula 105

- 1 Mumwebazenga Mukama, mukaabirenga erinnya lye; Mumanyisenga ebikolwa bye mu mawanga.
- 2 Mumuyimbirenga, muyimbenga okumutendereza; Mwogerenga ku by'amagero bye byonna.
- 3 Mwenyumirizenga olw'erinnya lye ettukuvu: Omutima gw'abo abanoonya Mukama gusanyukenga.
- 4 Munoonyenga Mukama n'amaanyi ge; Munoonyenga amaaso ge ennaku zonna.
- 5 Mujjukirenga eby'amagero bye bye yakola; Eby'ekitalo bye, n'emisango egy'akamwa ke;
- 6 Mmwe ezzadde lya Ibulayimu omuddu we, Mmwe abaana ba Yakobo, abalonde be.
- 7 Oyo ye Mukama Katonda waffe: Emisango gye gibuna ensi zonna.
- 8 Ajjukira endagaano ye ennaku zonna. Ekigambo kye yalagira emirembe olukumi;
- 9 Endagaano gye yalagaana ne Ibulayimu, N'ekirayiro kye yalayirira Isaaka;
- 10 N'ekyo naakinyweza eri Yakobo okuba etteeka, Eri Isiraeri, okuba endagaano eterigg-waawo:
- 11 Ng'ayogera nti Ggwe ndiwa ensi ya Kanani, Omugabo ogw'obusika bwammwe:
- 12 Bwe baali abantu abatono omuwendo gwabwe: Weewaawo, abatono ennyo, era abo batambuze omwo;

- 13 Ne batambulatambula mu mawanga agatali gamu, Nga bava mu bwakabaka ne baggukira mu bantu abalala.
- 14 Teyaganya muntu kuboonoona; Weewaawo, yanenya bakabaka ku lwabwe;
- 15 Ng'ayogera nti Temukwatanga ku abo be nnaafukako amafuta, So temukolanga bubi bannabbi bange.
- 16 N'ayita enjala okugwa ku nsi; N'amenya omuggo gwabwe gwonna, ye mmere yaabwe.
- 17 Yabakulembeza omuntu; Yusufu yatundibwa okuba omuddu:
- 18 Ebigere bye baabirumya enjegere; Yagalamura ng'asibiddwa n'ebiyuma:
- 19 Okutuusa ekigambo kye lwe kyatuukirira; Ekigambo kya Mukama kyamukemanga.
- 20 Kabaka yatuma n'amusumulula; Ye yafuga amawanga, n'amuteera ddala.
- 21 N'amufuula omukulu w'ennyumba ye, N'amutereso ebintu bye byonna:
- 22 Okusiba abalangira be bw'ayagala, N'okuyigiriza amagezi abakadde be.
- 23 Era ne Isiraeri n'ajja mu Misiri; Yakobo n'atuula mu nsi ya Kaamu.
- 24 N'ayongerera nnyo abantu be, N'abawa amaanyi okusinga abalabe baabwe.
- 25 N'akyusa omutima gwabwe okukyawa abantu be, Okukuusakuusa abaddu be.
- 26 N'atuma Musa omuddu we, Ne Alooni gwe yalonda.
- 27 Ne bassa mu bo obubonero bwe, N'ebiy'amagero mu nsi ya Kaamu.
- 28 N'aleeta ekizikiza, ekizikiza ne kikwata; Ne bajeemera ebigambo bye.
- 29 N'afuula amazzi gaabwe omusaayi, N'atta ebyennyanya byabwe.
- 30 Ensi yaabwe n'ejjula ebikere, Mu nju za bakabaka baabwe.
- 31 N'ayogera, ebitole eby'ensowera ne bijja, N'ensekere mu nsalo zaabwe zonna.
- 32 N'abawa omuzira mu kifo ky'enkuba, N'omuliro ogwaka mu nsi yaabwe.
- 33 Era n'akuba n'emizabbibu n'emitiini gyabwe; N'amenya emiti egy'omu nsalo zaabwe.

- 34 N'ayogera, enzige ne zijja, N'obuwuka, era ebyo tebyabalikika omuwendo gwabyo.
- 35 Ne birya buli muddo ogwali mu nsi yaabwe, Ne birya ebibala eby'ettaka lyabwe.
- 36 Era n'akuba n'ababereberye bonna abaali mu nsi yaabwe, Abaali basinga amaanyi mu bazira baabwe bonna.
- 37 N'abaggyamu nga balina effeeza n'ezaabu: So tewaali muntu munafu omu mu bika bye.
- 38 Misiri n'esanyuka bwe baagenda; Kubanga entiisa yaabwe yali ebaguddeko.
- 39 N'ayanjuluza ekire okubabikkangako; N'omuliro gubaakirenga ekiro.
- 40 Ne basaba, n'aleeta obugubi, N'abakkusa emmere ey'omu ggulu.
- 41 N'ayasa ejjinja, amazzi ne gatiiriika; Ne gakulukuta mu bifo ebikalu.
- 42 Kubanga yajjukira ekigambo kye ekitukuvu, Ne Ibulayimu omuddu we.
- 43 N'aggyamu abantu be n'essanyu, N'abatonde be n'okuyimba.
- 44 N'abawa ensi ez'amawanga; Ne batwala ne balya emirimu egy'amawanga:
- 45 Balyoke bakwatenga ebiragiro bye, Beekuumenga amateeka ge. Mumutendereze Mukama.

Essuula 106

- 1 Mumutendereze Mukama. Kale mumwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 2 Ani ayinza okwatula ebikolwa eby'amaanyi ebya Mukama, Oba okwolesa ettendo lye lyonna?
- 3 Balina omukisa abakwata omusango, N'oyo akola eby'obutuukirivu mu biro byonna.
- 4 Onjijukire, ai Mukama, n'ekisa ky'olina eri abantu bo; Nkwegayiridde, onjijire n'obulozi bwo:

- 5 Ndabe abalonde bo nga balaba omukisa, Nsanyukire essanyu ery'eggwanga lyo. Neenyumirize wamu n'obusika bwo.
- 6 Twayonoono ffe ne bajjajjaffe, Twakola ebitali bya butuukirivu, twakola obubi.
- 7 Bajjajjaffe tebaategeera bya magero byo mu Misiri; Ne batajjukira kusaasira kwo okungi; Naye ne bajeemera ku nnyanja, ku Nnyanja Emmyufu.
- 8 Era naye n'abalokola olw'erinaya lye, Amanyise obuyinza bwe obungi.
- 9 Era n'anenya Ennyanja Emmyufu, n'ekalira: Awo n'abayisa mu buziba, nga mu ddungu.
- 10 N'abalokola eri omukono gw'oyo eyabakyawa, N'abanunula mu mukono gw'omulabe.
- 11 Amazzi ne gabikka ku balabe baabwe: Ne watasigalawo n'omu.
- 12 Ne balyoka bakkiriza ebighambo bye; Ne bayimba okumutendereza.
- 13 Beerabira mangu emirimu gye; Tebaalindirira kuteesa kwe:
- 14 Naye ne beegombera nnyo mu lukoola, Ne bakemera Katonda mu ddungu.
- 15 N'abawa bye baasaba; Naye n'aleeta obukovvu mu mmeeme yaabwe.
- 16 Era obuggya ne bubakwatira Musa mu lusiisira, Ne Alooni omutukuvu wa Mukama.
- 17 Ensi n'eyasama n'emira Dasani. N'ebikka ku kibiina kya Abiraamu.
- 18 Omuliro ne gwaka mu kibiina kyabwe; Ennimi zaagwo ne zookya ababi.
- 19 Ne bakolera ennyana mu Kolebu, Ne basinza ekifaananyi ekisaanuuse.
- 20 Bwe batyo ne bawaanyisa ekitiibwa kyabwe Okuba ekifaananyi ky'ente erya omuddo.
- 21 Ne beerabira Katonda omulokozi waabwe, Eyakolera ebikulu mu Misiri;
- 22 Eby'amagero mu nsi ya Kaamu, N'eby'entiisa ku Nnyanja Emmyufu.
- 23 Kyeyava ayogera ng'alibazikiriza, Singa Musa omulonde we teyayimirira mu maaso ge mu kituli, Okuzzaayo obusungu bwe, aleme okubazikiriza.
- 24 Weewaawo, baanyooma ensi ey'okwesiima, Tebakkiriza kighambo kye;
- 25 Naye ne beemulugunya mu weema zaabwe, Ne batawulira ddooboozi lya Mukama.
- 26 Kyeyava ayimusa omukono gwe gye bali, Ng'alibasuulira mu ddungu:
- 27 Era ng'aligwisa ezzadde lyabwe mu mawanga, Era ng'alibasaasaanya mu nsi.
- 28 Era ne beegatta ne Baalipyoli, Ne balya ssaddaaka ez'abafu.
- 29 Bwe batyo bwe baamusunguwazanga n'ebikolwa byabwe; Kawumpuli n'agwa mu bo.
- 30 Finekaasi n'alyoka ayimirira n'atuukiriza omusango: Kawumpuli n'aziyizibwa bw'atyo.
- 31 Ekyo ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, Okutuusa emirembe gyonna egitaligg-waawo.
- 32 Era ne bamunyiiriza ku mazzi ag'e Meriba, N'okulaba Musa n'alaba obubi ku lwabwe:
- 33 Kubanga baali baagala okujeemera omwoyo gwe, N'ayogera ebitali bya magezi n'emimwa gye.
- 34 Tebaazikiriza mawanga, Nga Mukama bye yabalagira;
- 35 Naye ne beegatta n'amawanga, Ne bayiga emirimu gyabwe:
- 36 Ne baweeriza ebifaananyi byabwe; Ebyabafuukira ekyambika.
- 37 Weewaawo, baawangayo batabani baabwe ne bawala baabwe eri bassetaani.
- 38 Ne bayiwa omusaayi ogutaliiko kabi, gwe musaayi gwa batabani baabwe ne bawala baabwe, Be baawangayo eri ebifaananyi bya Kanani; Ensi n'eyonooneka n'omusaayi.
- 39 Bwe batyo ne babaako empitambi olw'emirimu gyabwe, Ne bagenda bayenda mu bikolwa byabwe.
- 40 Obusungu bwa Mukama kyebwava bubuubuuka eri abantu be, N'atamwa obusika bwe.
- 41 N'abawaayo mu mukono gw'amawanga; N'abo abaabakyawa ne babafuga.
- 42 Era abalabe baabwe ne babajooga, Ne bajeemulwa wansi w'omukono gwabwe.

- 43 Emirundi emingi yabawonya; Naye ne baagala okujeema mu kuteesa kwabwe, Ne bajeezebwa mu butali butuukirivu bwabwe.
- 44 Era naye n'atunuulira ennaku zaabwe, Bwe yawulira okukaaba kwabwe:
- 45 N'abajjuukirira endagaano ye, Ne yejjusa ng'okusaasira kwe bwe kuli okungi.
- 46 Era n'ababasaasiza Bonna abaatwalanga mu busibe.
- 47 Otulokole, ai Mukama Katonda waffe, Otukuaanye tuve mu mawanga, Okwebazanga erinnya lyo ettukuvu, N'okujagulizanga ettendo lyo.
- 48 Yeebazibwenga Mukama, Katonda wa Isiraeri, Okuva emirembe gyonna okutuuka mu mirembe gyonna.

Essuula 107

- 1 Mumwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 2 Abanunule ba Mukama boogera bwe batyo, Be yanunula mu mukono gw'omulabe;
- 3 N'abakuaanya mu nsi nnyingi, Mu buvanjuba ne mu bugwanjuba, Mu bukiika obwa kkono ne mu bwa ddyo:
- 4 Baakyamira mu ddungu mu kkubo omutali bantu; Ne batalaba kibuga kya kutuulamu.
- 5 Baalumibwa enjala n'ennyonta, Emmeeme yaabwe n'ezirika mu bo.
- 6 Ne balyoka bakaabira Mukama mu nnaku zaabwe, N'abawonya mu kweraliikira kwabwe.
- 7 Era n'abaluamiza mu kkubo eggolokofu, Batuuke mu kibuga eky'okutuulamu.
- 8 Kale singa abantu batendereza Mukama olw'obulungi bwe, N'olw'eb' amagero bye eri abaana b'abantu!
- 9 Kubanga akkusa emmeeme eyeegomba, N'emmeeme erumwa ennyonta agijjuza ebirungi.
- 10 Abo abaatuula mu kizikiza ne mu kisiikirize eky'okufa, Nga basibibwa n'ennaku n'ekyuma;
- 11 Kubanga baajeemera ebigambo bya Katonda, Ne banyooma okuteesa kw'oyo ali waggulu ennyo:
- 12 Kyeyava azitoya omutima gwabwe n'okutegana; Ne bagwa, so nga tewali anaabayamba.
- 13 Ne balyoka bakaabira Mukama mu nnaku zaabwe, N'abalokola mu kweraliikirira kwabwe.
- 14 N'abaggya mu kizikiza n'ekisiikirize eky'okufa, N'amanyaamenya enjegere zaabwe.
- 15 Kale singa abantu batendereza Mukama olw'obulungi bwe, N'olw'eb' amagero bye eri abaana b'abantu.
- 16 Kubanga yamenya enzigi ez'ebikomo, N'atemera ddala ebisiba eby'ebiyuma:
- 17 Abasirusiru olw'okwonoona kwabwe, N'olw'obutali butuukirivu bwabwe, babonyaabonyezebwa.
- 18 Emmeeme yaabwe etamwa emmere yonna yonna; Ne basemberera emiryango egy'okufa.
- 19 Ne balyoka bakaabira Mukama mu nnaku zaabwe, N'abalokola mu kweraliikirira kwabwe.
- 20 Atuma ekigambo kye, n'abawonya, N'abaggya mu kuzikirira kwabwe.
- 21 Kale singa abantu batendereza Mukama olw'obulungi bwe, N'olw'eb' amagero bye eri abaana b'abantu!
- 22 Era bawengayo ssaddaaka ez'okwebaza, Era batenderenga ebikolwa bye n'okuyimba.
- 23 Abaserengetera ku nnyanja mu maato, Abakola emirimu awali amazzi amangi;
- 24 Abo balaba ebikolwa bya Mukama, N'eb' amagero bye mu buziba.

- 25 Kubanga alagira, n'akunsa omuyaga, Oguyimusa amayengo gaagwo.
- 26 Balinnya mu ggulu, ne bakka nate mu ddubi: Emmeeme yaabwe esaanuuka olw'ennaku.
- 27 Beesunda eruuyi n'eruuyi, era batagatta ng'omutamiivu, N'amagezi gonna nga gababuze.
- 28 Ne balyoka bakaabira Mukama mu nnaku zaabwe, N'abaggya mu kweraliikirira kwabwe.
- 29 Alaaza omuyaga, Amayengo gaagwo ne gateeka.
- 30 Ne balyoka basanyuka kubanga bawummula; N'alyoka abaleeta mu mwalo gwe baagala okutuukamu.
- 31 Kale singa abantu batendereza Mukama olw'obulungi bwe, N'olw'eb' amagero bye eri abaana b'abantu
- 32 Era bamugulumizenga mu kkuaanero ery'abantu, Era bamutenderezenga awali ekituuti eky'abakadde.
- 33 Afuula emigga eddunga, N'enzizi azifuula ettaka ekkalu;
- 34 Ensi ebala agifuula olukoola olw'omunyo, Olw'obubi bwabo abatuula omwo.
- 35 Eddungu alifuula ekidiba eky'amazzi, N'ensi enkalu ensulo ez'amazzi.
- 36 Omwo mw'atuuzza abalumwa enjala, Balongoosenga ekibuga eky'okutuulamu;
- 37 Era basigenga ennimiro, basimbenga emizabbibu, Beefunirenga ebibala eby'ekyengera.
- 38 Era n'abawa omukisa, n'okweyongera ne beeyongeranga nnyo; N'ataganya nte zaabwe okukendeera.
- 39 Nate, ne baweebuuka ne bajeezebwa Olw'okujoogebwa, n'okweraliikirira, n'okunakuwala.
- 40 Anyoomesa nnyo abalangira, Era abakyamiza mu nsiko omutali kkubo.
- 41 Era naye agulumiza omwavu okuva mu nnaku. N'amukolera ebika ng'ekisibo.
- 42 Abatuukirivu balibiraba, balisanyuka; N'obutali butuukirivu bwonna buliziba akamwa kaabwo.
- 43 Buli alina amagezi anaalwoozanga ebyo, Era banaafumiitirizanga okusaasira kwa Mukama.

Essuula 108

- 1 Omutima gwange gunywedde, ai Katonda; Naayimba, weewaawo, naayimba okutendereza, naayimba n'ekitiibwa kyange.
- 2 Muzuukuke, mmwe amadinda n'ennanga: Nze naakeera nnyo okuzuukuka.
- 3 Naakwebazanga ggwe, ai Mukama, mu mawanga: Era naayimbanga okukutendereza mu bantu.
- 4 Kubanga okusaasira kwo kungi, kusinga eggulu: N'amazima go gatuuka mu ggulu.
- 5 Ogulumizibwe, ai Katonda, okusinga eggulu: N'ekitiibwa kyo okusinga ensi zonna.
- 6 Muganzi wo alyoke awone, Olokole n'omukono gwo ogwa ddyo, otuddemu.
- 7 Katonda yayogera mu butukuvu bwe nti Ndi jaguza: Ndisala mu Sekemu, era ndigabaagaba ekiwonvu ekya Sukkosi.
- 8 Gireyaadi wange; Manase wange; Efulayimu naye yakuuma omutwe gwange; Yuda gwe muggo gwange ogw'obwakabaka.
- 9 Mowaabu kye kinaabirwamu kyange; Edomu ndimukasukira engatto Yange Ndyogerera waggulu ku Firisutiya.
- 10 Ani alinnyingiza mu kibuga eky'amaanyi? Ani eyandeeta mu Edomu?
- 11 Totusudde, ai Katonda? So totabaala, ai Katonda, n'eggye lyaffe.
- 12 Otuyambe eri omulabe: Kubanga obuyambi bw'abantu tebuliimu.

13 Katonda ye alitukoza eby'obuzira: Kubanga oyo ye alinnyirira ku balabe baffe.

Essuula 109

- 1** Tosirika, ai Katonda gwe ntendereza;
- 2** Kubanga akamwa k'ababi n'akamwa k'obulimba bakanjasamidde: Boogedde nange n'olulimi olulimba.
- 3** Era banneetooloola n'ebigambo eby'okukyawa, Ne balwana nange awatali nsonga.
- 4** Olw'okwagala kwange bafuuse balabe bange: Naye nze nsaba.
- 5** Era bansasudde obubi olw'obulungi, N'okukyawa olw'okwagala kwange.
- 6** Omusseeko omuntu omubi: Omulabe ayimirirenga ku mukono gwe ogwa ddyo.
- 7** Bw'asalirwa omusango, afulume nga gumusinze; Era okusaba kwe kufuuke ekibi.
- 8** Ennaku ze zibe ntono; Omulala alye obukulu bwe.
- 9** Abaana be babe nga tebalina kitaabwe, Ne mukazi we nnamwandu.
- 10** Abaana be babe mmomboze, basabirizenga; Banoonyenga emmere mu bifo byabwe ebyazika.
- 11** Omunyazi atege byonna by'alina; B'atamanyi banyageenyage emirimu gye.
- 12** Anaamwongerako ekisa amubule; Anaasaasira abaana be nga tebalina kitaabwe naye abule.
- 13** Ezzadde lye lizikirizibwe; Mu mireembe egirijja amannya gaabwe gasaangulibwe.
- 14** Obutali butuukirivu bwa bajjajjaabe bujjukirwe eri Mukama: So ekibi kya nnyina kireme okusangulibwa.
- 15** Bibeerenga mu maaso ga Mukama ennaku zonna, Azikirize okujjukirwa kwabwe ku nsi.
- 16** Kubanga teyajjukira kusaasira, Naye n'ayigganya omuntu omwavu eyeetaaga, N'oyo eyalina omutima ogumenyese, okubatta.
- 17** Weewaawo, yayagala okukolima, ne kutuuka gy'ali; So teyasanyukira kusaba mukisa, ne gumuba wala.
- 18** Era yayambala okukolima ng'ekyambalo kye, Ne kuyingira mu nda ye ng'amazzi, Era ng'amafuta mu magumba ge.
- 19** Kubenga gy'ali ng'ekyambalo ky'ayambala, Era kubenga ng'olukoba lwe yeesiba ennaku zonna.
- 20** Eyo ye mpeera ey'abalabe bange eva eri Mukama, N'abo aboogera obubi ku mmeeme yange.
- 21** Naye olongoose ebyange, ai Katonda Mukama, olw'erinnya lyo: Kubanga okusaasira kwo kulungi, omponye.
- 22** Kubanga nze ndi mwavu, nneetaga, N'omutima gwange gufumitiddwa munda yange.
- 23** endedde ddala ng'ekisiikirize bwe kiggwaawo: Nkuunta ng'enzige.
- 24** Amaviivi gange ganafuwadde olw'okusiiba; N'omubiri gwange guweebuuse obutagejja.
- 25** Era nfuuse ekivume gye bali: Bwe bandaba, banyeenya omutwe gwabwe.
- 26** Onnyambe, ai Mukama Katonda wange; Nkwegayiridde ondokole ng'okusaasira kwo bwe kuli.
- 27** Balyoke bategeere ng'ogwo gwe mukono gwo: Nga ggwe, Mukama, wakikola.
- 28** Bo bakolime, naye ggwe ompe omukisa: Bwe baligolokoka, balikwatibwa ensonyi, naye omuddu wo alisanyuka.
- 29** Abalabe bange bambale okuswazibwa, Era beebikke ensonyi zaabwe ng'ekikunta.
- 30** Neebazanga nnyo Mukama n'akamwa kange; Weewaawo, naamutenderezanga mu kibiina.
- 31** Kubanga anaayimiriranga ku mukono ogwa ddyo ogw'omwavu, Okumulokola eri abo

abasalira omusango emmeeme ye.

Essuula 110

- 1 Mukama agamba mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y'ebigere byo.
- 2 Mukama alisindika omuggo ogw'amaanyi go okuva mu Sayuuni: Ggwe fugira wakati mu balabe bo.
- 3 Abantu bo beewaayo n'omwoyo ogutawalirizibwa ku lunaku olw'obuyinza bwo: Mu bulungi obw'obutukuvu, olina omusulo ogw'obuvubuka bwo, Oguva mu lubuto lw'enkya.
- 4 Mukama yalayira, so talyejjusa, Nti Ggwe oli kabona emirembe gyonna Ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.
- 5 Mukama ku mukono gwo ogwa ddyo Alifumita bakabaka ku lunaku olw'obusungu bwe.
- 6 Alisala emisango mu mawanga, Alijjuza ebifo emirambo; Alifumita omutwe mu nsi ennyingi.
- 7 Alinywa ku nsulo eri mu kkubo: Kyaliva ayimusa omutwe.

Essuula 111

- 1 Mumutendereze Mukama. Neebazanga Mukama n'omutima gwange gwonna, Mu kibiina eky'abatuukirivu abateesa, ne mu kkuaaniro.
- 2 Emirimu gya Mukama mikulu, Ginoonyezebwa abo bonna abagisanyukira.
- 3 Omulimu gwe gwa kitiibwa, gwa bukulu: N'obutuukirivu bwe bubeerera enurembe gyonna.
- 4 Ajjukizizza emirimu gye egy'ekitalo: Mukama wa kisa, ajjudde okusaasira.
- 5 Awa emmere abo abamutya: Anajjukiranga endagaano ye emirembe gyonna.
- 6 Alaze abantu be obuyinza obw'emirimu gye, Ng'abawa obusika obw'amawanga.
- 7 Emirimu egy'emikono gye ge mazima n'omusango; Ebiragiyo bye byonna binywera.
- 8 Biteekebwawo emirembe n'emirembe, Bikolebwawo mu mazima n'obutuukirivu.
- 9 Yawa abantu be okununulwa; Yalagira endagaano ye emirembe gyonna: Erinnya lye ttukuvu, lya kitiibwa.
- 10 Mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera; Balina okutegeera okulungi bonna abakola bwe batyo; Ettendo lye libeerera emirembe gyonna.

Essuula 112

- 1 Mumutendereze Mukama. Alina omukisa oyo atya Mukama, Asanyukira ennyo amateeka ge.
- 2 Ezzadde lye linaabanga lya maanyi ku nsi: Ezzadde ly'abatuukirivu linaabanga n'omukisa.
- 3 Ebintu n'obugagga biri mu nnyumba ye: N'obutuukirivu bwe bubeerera emirembe gyonna.
- 4 Eri omutuukirivu omusana gujja awali ekizikiza: Oyo wa kisa, ajjudde okusaasira, era ye mutuukirivu.
- 5 Alaba ebirungi oyo akola eby'ekisa, awola; Alinyweza ensonga ye bw'alisalirwa omusango.
- 6 Kubanga taasagaasaganenga emirembe gyonna; Omutuukirivu anajjukirwanga ennaku zonna ezitaliggwaawo.

- 7 Taatyenga bigambo bya bubu: Omutima gwe gunywera, nga gwesiga Mukama.
- 8 Omutima gwe gutereera, taatyenga, Okutuusa lw'aliraba by'ayagala nga bituuse ku balabe be.
- 9 Agabye, awadde abaavu; Obutuukirivu bwe bubeerera emirembe gyonna: Ejjembe lye liringulumizibwa n'ekitiibwa.
- 10 Omubi alibiraba, alirumwa omwoyo; Aliruma obujiji n'amannyo ge: alinyolwa: Omubi by'ayagala birifa.

Essuula 113

- 1 Mumutendereze Mukama. Mutendereze, mmwe abaddu ba Mukama, Mutendereze erinnya lya Mukama.
- 2 Erinnya lya Mukama lyebazibwenga Okuva leero okutuusa emirembe gyonna.
- 3 Okuva mu buvanjuba okutuuka mu bugwanjuba Erinnya lya Mukama ligwana okutenderezebwanaga.
- 4 Mukama ali waggulu okusinga amawanga gonna, N'ekitiibwa kye okusinga eggulu.
- 5 Ani afaanana nga Mukama Katonda waffe, Alina entebe ye waggulu.
- 6 Eyeetoowaza okutunuulira Ebiri mu ggulu ne mu nsi?
- 7 Ayimusa omwavu mu nfuufu, Agolokosa omunafu mu lubungo;
- 8 Amutuuzze wamu n'abalangira, Wamu n'abalangira ab'abantu be.
- 9 Atuuzza mu nju omukazi omugumba, N'amusanyusa ng'amuzaaazizza abaana. Mumutendereze Mukama.

Essuula 114

- 1 Isiraeri bwe yava mu Misiri, Ennyumba ya Yakobo mu bantu ab'olulimi olulala;
- 2 Yuda n'abeera awatukuvu we, Isiraeri amatwale ge.
- 3 Ennyanja n'eraba ekyo, n'edduka Yoludaani n'agobebwa okudda ennyuma.
- 4 Ensozi ne zibuuka ng'endiga eza seddume, N'obusozi obutono ng'obuliga.
- 5 Wali otya, ggwe ennyanja, okudduka? Naawe Yoludaani, okudda ennyuma?
- 6 Mmwe ensozi, okubuuka ng'endiga eza seddume; Mmwe obusozi obutono, ng'obuliga?
- 7 Kankana, ggwe ensi, awali Mukama, Awali Katonda wa Yakobo;
- 8 Eyafuula ejjinja ekidiba eky'amazzi, Ery'embaalebaale oluzzi olw'amazzi.

Essuula 115

- 1 Si ffe, ai Mukama, si ffe, Wabula erinnya lya lye ligwana okuweebwa ekitiibwa Olw'okusaasira kwo, n'olw'amazima go.
- 2 Kiki ekinaaba kiboogaza ab'amawanga Nti Katonda waabwe ali ludda wa kaakano?
- 3 Naye Katonda waffe ali mu ggulu: Akoze bye yayagala byonna.
- 4 Ebifaananyi byabwe ye ffeeza, ye zaabu, Omulimu ogw'emikono gy'abantu.
- 5 Birina obumwa, naye tebyogera; Birina amaaso, naye tebiraba;
- 6 Birina amatu, naye tebiwulira; Birina ennyindo, naye tebiwunyiriza;
- 7 Birina engalo, naye tebizikwasa kintu; Birina ebigere, naye tebitambula; So tebyogeza bulago bwabyo.
- 8 Ababikola balibifaanana; Weewaawo, buli abyesiga.
- 9 Ggwe Isiraeri, mwesigenga Mukama: Ye mubeezi waabwe, ye ngabo yaabwe.
- 10 Ggwe ennyumba ya Alooni, mwesigenga Mukama: Ye mubeezi waabwe, ye ngabo yaabwe.

- 11 Mmwe abatya Mukama, mwesigenga Mukama: Ye mubeezi waabwe, ye ngabo yaabwe.
- 12 Mukama atujjukidde; alituwa omukisa; Aliwa omukisa ennyumba ya Isiraeri; Aliwa omukisa ennyumba ya Alooni.
- 13 Aliwa omukisa abo abatya Mukama, Abato era n'abakulu.
- 14 Mukama ayongerenga bulijjo okubaaza Mmwe n'abaana bammwe.
- 15 Mmwe muweereddwa Mukama omukisa, Eyakola eggulu n'ensi.
- 16 Eggulu lye ggulu lya Mukama; Naye ensi yagiwa abaana b'abantu.
- 17 Abafu tebatendereza Mukama, Newakubadde abo bonna abakka mu kusirika;
- 18 Naye ffe tunebazanga Mukama Okuva leero okutuusa emirembe gyonna. Mumutendereze Mukama.

Essuula 116

- 1 Mmwagala Mukama, kubanga awulidde Eddoboozi lyange n'okwegayirira kwange.
- 2 Kubanga antegedde okutu, Kyennaavanga mmukoowoola nga nkyali mulamu.
- 3 Emigwa egy'okufa gyansiba. N'okulumwa kw'emagombe kwankwata: Ne ndaba ennaku n'okutegana.
- 4 Ne ndyoka nkoowoola erinnya lya Mukama; Nti Ai Mukama, nkwegayiridde, omponye emmeeme yange.
- 5 Mukama wa kisa, era mutuukirivu; Weewaawo, Katonda waffe alina okusaasira.
- 6 Mukama akuuma abo abatalina nkwe: Najeezebwa, n'andokola.
- 7 Komawo mu kiwummulo kyo, ggwe emmeeme yange; Kubanga Mukama akukoledde eby'ekisa ekingi.
- 8 Kubanga omponyeyza emmeeme yange okufa, Amaaso gange obutakaaba maziga, N'ebigere byange obutagwa.
- 9 Naatambuliranga mu maaso ga Mukama Mu nsi y'abalamu.
- 10 Nzikiriza, kubanga ndyogera: Nabonyaabonyezebwa nnyo:
- 11 Ne njogera nga nnyanguwa Nti Abantu bonna bulimba.
- 12 Kiki kye ndisasula Mukama Olw'ebirungi bye byonna eri nze?
- 13 Nditoola akakompe ak'obulokozi, Era ndikaabira erinnya lya Mukama.
- 14 Ndisasula obweyamo bwange eri Mukama, Weewaawo, mu maaso g'abantu be bonna.
- 15 Okufa kw'abatukuvu be Kwa muwendo mungi mu maaso ga Mukama.
- 16 Ai Mukama, mazima nze ndi muddu wo: Nze ndi muddu wo, era omwana w'omuzaana wo; Osumuludde ebyansiba.
- 17 Ndikuwa ssaddaaka ey'okwebaza, Era ndikaabira erinnya lya Mukama.
- 18 Ndisasula obweyamo bwange eri Mukama, Weewaawo, mu maaso g'abantu be bonna;
- 19 Mu mpya z'ennyumba ya Mukama, Wakati mu ggwe, ggwe Yerusalemi. Mumutendereze Mukama.

Essuula 117

- 1 Mumutendereze Mukama, mmwe amawanga gona; Mumugulumize, mmwe abantu bonna.
- 2 Kubanga okusaasira kwe kungi eri ffe: N'amazima ga Mukama gabeerera emirembe gyonna, Mumutendereze Mukama.

Essuula 118

- 1 Mumwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera

emirembe gyonna.

- 2 Isiraeri ayogere kaakano Nti okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 3 Ennyumba ya Aloon eyogere kaakano Nti okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 4 Abo abamutya Mukama boogere kaakano Nti okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 5 Bwe nnali mu nnaku ne nkaabira Mukama: Mukama n'anjitaba, n'anteeka mu kifo ekigazi.
- 6 Mukama ali ku luuyi lwange; sirtya: Abantu bayinza kunkola ki?
- 7 Mukama ali ku luuyi lwange mu abo abannyamba: Kyendiva ndaba bye njagala nga bituuse ku abo abankyaye.
- 8 Kirungi okwesiganga Mukama Okusinga okwesiga abantu.
- 9 Kirungi okwesiganga Mukama Okusinga okwesiga abalangira.
- 10 Amawanga gonna ganneetoolodde: Mu linnya lya Mukama ndigazikiriza.
- 11 Ganneetoolodde; weewaawo, ganneetoolodde; Mu linnya lya Mukama ndigazikiriza.
- 12 Banneetoolodde ng'enjuki; bazikidde ng'omuliro ogw'omu maggwa: Mu linnya lya Mukama ndibazikiriza.
- 13 Bansoya nnyo okungwisa: Naye Mukama n'annyamba.
- 14 Mukama ge maanyi gange, lwe luyimba lwange; Era afuuse obulokozi bwange.
- 15 Eddoboozi ery'essanyu era ery'obulokozi liri mu weema ez'abatuukirivu; Omukono ogwa ddyo ogwa Mukama gukola eby'obuzira.
- 16 Omukono ogwa ddyo ogwa Mukama gugulumizibwa: Omukono ogwa ddyo ogwa Mukama gukola eby'obuzira.
- 17 Sirifa, naye naabeeranga mulamu, Era naabuuliranga omirimu gya Mukama.
- 18 Mukama ambonerezza nnyo: Naye tangabulanga eri okufa.
- 19 Munzigulirewo enzigi ez'obutuukirivu: Naaziyingiramu, ne nneebaza Mukama.
- 20 Olwo lwe luggi lwa Mukama; Abatuukirivu be baliyingiramu.
- 21 Naakwebazanga, kubanga onzizeemu, Era ofuuse obulokozi bwange.
- 22 Ejjinja abazimbi lye baagaana Lifuuse ekkulu ery'oku nsonda.
- 23 Ekyo Mukama ye yakikola; Kya kitalo mu maaso gaffe.
- 24 Luno lwe lunaku Mukama lwe yakola; Tunaasanyuka, tunaajaguliza okwo.
- 25 Olokole kaakano, tukwegayiridde, ai Mukama: Ai Mukama, tukwegayiridde, oweereze omukisa kaakano.
- 26 Alina omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama: Tubasabidde omukisa nga tuyima mu nnyumba ya Mukama.
- 27 Mukama ye Katonda, era atuwadde omusana Musibe ssaddaaka n'emigwa, musibe ku mayembe g'ekyoto.
- 28 Ggwe oli Katonda wange, nange naakwebazanga: Ggwe oli Katonda wange, naakugulumizanga.
- 29 Kale mumwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.

Essuula 119

- 1 Balina omukisa abo abatuukirira mu kkubo, Abatambulira mu mateeka ga Mukama.
- 2 Balina omukisa abo abeeuumu bye yategeza, Abamunoonya n'omutima gwonna.
- 3 Weewaawo, abo tebakola ebitali bya butuukirivu; Batambulira mu makubo ge.
- 4 Watukuutira ebiragiro byo, Tubikwatenga nnyo.
- 5 Singa amakubo gange ganywedde Okukwata amateeka go!
- 6 Bwe ntyo bwe siikwatibwenga nsonyi, Bwe nnaalowoozanga bye walagira byonna.

- 7 Naakwebazanga n'omutima ogutalina bukuusa, Bwe ndiba nga njize emisango gyo egy'ensonga.
- 8 Naakwatanga amateeka go: Nkwegayiridde, tondekera ddala.
- 9 Omuvubuka anaalongoosanga atya ekkubo lye? Nga yeegendereza ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 10 N'omutima gwange gwonna nkunoonyezza: Nkwegayiridde, nneme okukyama okuleka bye walagira.
- 11 Nterese ekigambo kyo mu mutima gwange, Nneme okwonoona mu maaso go.
- 12 Weebazibwa, ai Mukama: Onjigirizenga amateeka go.
- 13 N'emimwa gyange mbuulidde Emisango gyonna egy'akamwako.
- 14 Nsanyukidde ekkubo ly'ebyo bye wategeeza, Nga asanyukira obugagga bwonna.
- 15 Naafumiitirizanga ebiragi byo. Era naalowoozanga amakubo go.
- 16 Naasanyukiranga amateeka go: Seerabirenga kigambo kyo.
- 17 Onkolere omuddu wo eby'ekisa ekingi, mbeerenga omulamu; Bwe ntyo bwe nnaakwatanga ekigambo kyo.
- 18 Onzibule amaaso gange, ndabe Eby'ekitalo ebiva mu mateeka go.
- 19 Nze ndi mutambuze mu nsi: Tonkisa bye walagira.
- 20 Emmeeme yange ekutuse olw'okuyaayaana Kw'eyaayaanira emisango gyo ebiro byonna.
- 21 Onenyezza ab'amalala abakolimirwa, Abakyama okuleka bye walagira.
- 22 Onzigyeko okuvumibwa n'okunyoomebwa; Kubanga neekuumebye bye wategeeza.
- 23 Era n'abalangira batuula ne banjogerako obubi: Naye omuddu wo nafumiitiriza amateeka go.
- 24 Era bye wategeeza bye nsanyukira, Era ebyo be bantu be nteesa nabo.
- 25 Emmeeme yange yeegasse n'enfuufu: Onzuukize ng'ekigambo kyo bwe kyo bwe kiri.
- 26 Nayatula amakubo gange, naawe n'onziramumu: Onjigirize amateeka go.
- 27 Ontegeeze ntegeere ekkubo ery'ebiragi byo: Ne ndyoka nfumutiriza emirimu gyo egy'ekitalo.
- 28 Emmeeme yange esaanuuse olw'okunyiikaala: Ompe amaanyi ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 29 Onziyeko ekkubo ery'obulimba: Era ompe amateeka go n'ekisa.
- 30 Neerobozezza ekkubo ery'obwesigwa: Emisango ngitadde mu maaso gange.
- 31 Neegatta n'ebyo bye wategeeza: Ai Mukama, tonkwasa nsonyi.
- 32 Naddukiranga mu kkubo ly'ebyo bye walagira, Bw'oligaziya omutima gwange.
- 33 Onjigirize, ai Mukama, ekkubo ery'amateeka go; Nange naalyekuuma okutuusa enkomerero.
- 34 Ompe amagezi, nange neekuuma amateeka go; Weewaawo, naagakwatanga n'omutima gwange gwonna.
- 35 Ompise mu kkubo ly'ebyo bye walagira: Kubanga mu eryo mwe nsanyukira.
- 36 Okyuse omutima gwange eri ebyo bye wategeeza, So si eri kwegomba.
- 37 Owunjule amaaso gange galemenga okulaba ebitalimu, Era onzuukize mu makubo go.
- 38 Onyweze ekigambo kyo eri omuddu wo, Ky'eky'okutyanga ggwe.
- 39 Ompunjulire ekivume kye ntya; Kubanga emisango gyo mirungi.
- 40 Laba, neegombanga ebiragi byo: Onzuukirize mu butuukirivu bwo.
- 41 Era n'okusaasira kwo kutuuke gye ndi, ai Mukama, Bwe bulokozi bwo, ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 42 Bwe ntyo bwe ndiba n'eky'okuddamu eri oyo anvuma; Kubanga neesiga ekigambo kyo.

- 43 So toggiramumu ddala kigambo kya mazima mu kamwa kange; Kubanga naasuubiranga emisango gyo.
- 44 Bwe ntyo bwe nnaakwatanga amateeka go ennaku zonna Emirembe n'emirembe.
- 45 Era naatambulanga nga neeyabya; Kubanga nnoonyezza ebiragi byo.
- 46 Era naayogeranga ku ebyo bye wategeeza mu maaso ga bakabaka, Ne sikwatibwa nsonyi.
- 47 Era naasanyukiranga ebyo bye walagira, Bye nnaayagalanga:
- 48 Era naayimusanga engalo zange eri ebyo bye walagira, bye nnaayagalanga: Era naafumiitirizanga mateeka go.
- 49 Ojjukire ekigambo eri omuddu wo, Kubanga wansuubiza.
- 50 Eryo lye ssanyu lyange bwe mbonyaabonyezebwa: Kubanga ekigambo kyo kinzuukizizza.
- 51 Ab'amalala bansekeredde nnyo: Naye ne sseekooloobyanga okuva mu mateeka go.
- 52 Njijukidde emisango gyo egy'edda, ai Mukama, Ne nneesanyusa.
- 53 Obusungu obubuubuuka bunkutte, Olw'ababi abaleka amateeka go.
- 54 Amateeka go ge nnyimbirako Mu nnyumba ey'okutambula kwange.
- 55 Najjukiranga erinnya lyo ekiro, ai Mukama, Era nakwatanga amateeka go.
- 56 Ekigambo kino kyange, Okukuumanga ebiragi byo.
- 57 Mukama gwe mugabo gwange: Nayogera nga naakwatanga ebigambo byo.
- 58 Nasaba ekisa kyo n'omutima gwange gwonna: Onsaasire ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 59 Nalowooza amakubo gange, Ne nkyusa ebigerere byange eri ebyo bye wategeeza.
- 60 Nayanguwa ne sirwawo, Okukwata ebyo bye walagira.
- 61 Emigwa egy'ababi gimbisse; Naye seerabidde mateeka go.
- 62 Mu ttumbi naagolokokanga okukwebaza Olw'emisango gyo egy'ensonga.
- 63 Nze ndi munne w'abo bonna abakutya, N'abo abakwata ebiragi byo.
- 64 Ai Mukama, ensi ejjudde okusaasira kwo: Onjigirize amateeka go.
- 65 Okoledde ebirungi omuddu wo, Ai Mukama, ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 66 Onjigirizenga okusala emisango egy'ensonga n'okutegeera; Kubanga nakkirizanga ebyo bye walagira.
- 67 Nga sinnabonyaabonyezebwa, nakyama; Naye kaakano nkвата ekigambo kyo.
- 68 Oli mulungi, era okola ebirungi; Onjigirizenga amateeka go.
- 69 Ab'amalala banjiiyirizzaako eky'obulimba: N'omutima gwange gwonna neeku-umanga ebiragi byo.
- 70 Omutima gwabwe gugezze ng'amasavu; Naye nze nsanyukira amateeka go.
- 71 Kwangasa okubonyaabonyezebwa; Ndyoke njige amateeka go.
- 72 Amateeka g'akamwa ko gampoomera nze Okusinga ebitundu eby'ezaabu n'effeeza enkumi n'enkumi.
- 73 Engalo zo ze zankola, ze zammumba: Ompe amagezi, njigenga ebyo bye walagira.
- 74 Abakutya banandabanga ne basanyuka; Kubanga naasuubiranga elugambo kyo.
- 75 Mmanyi, ai Mukama, ng'emisango gyo gya nsonga, Era nga wambonyaabonya olw'obwesigwa.
- 76 Nkwegayiridde, ekisa kyo ekirungi kinsanyuse, Ng'ekigambo kyo bwe kiri eri omuddu wo.
- 77 Okusaasira kwo okulungi kujje gye ndi, mbeerenga omulamu: Kubanga amateeka go ge gansanyusa.
- 78 Ab'amalala bakwatibwe ensonyi; kubanga bammegga awatali nsonga. Naye naafumiitirizanga ebiragi byo.
- 79 Abakutya bankyukire, Era balitegeera bye wategeeza.
- 80 Omutima gwange gutuukirire mu mateeka go; Nnemenga okukwatibwa ensonyi.
- 81 Emmeeme yange ezirise olw'obulokozi bwo: Naye nsuubira ekigambo kyo.

- 82 Amaaso gange gakulukuse olw'ekigambo kyo, Nga njogera nti Olinsanyusa ddi?
- 83 Kubanga nfuuse ng'eddiba erivanikibwa mu mukka; Naye seerabira mateeka go.
- 84 Ennaku ez'omuddu wo ziri mmeka? Olituukiriza ddi omusango ku abo abanjig-ganya?
- 85 Ab'amalala bansimidde obunnya Abatagoberera mateeka go.
- 86 Bye walagira byonna bya bwesigwa: Banjigganya awatali nsonga: ggwe onnyambe.
- 87 Baabulako katonu banzikirize ku nsi; Naye ne sireka biragiyo byo.
- 88 Onzuukize ng'ekisa kyo ekirungi bwe kiri; Bwe ntyo bwe nnaakwatanga akamwa ko bye kategeeza.
- 89 Emirembe gyonna, ai Mukama, Ekigambo kyo kinyweredde mu ggulu.
- 90 Obwesigwa bwo bubeerera emirembe gyonna: Wanyweza ensi, n'ebeererawo.
- 91 Bikyaliwo leero nga bwe walagira; Kubanga ebintu byonna baddu bo.
- 92 Singa amateeka go si ge gansanyusa, Nandizikiridde bwe nnabonyaabonyezebwa.
- 93 Seerabirenga biragiyo byo ennaku zonna; Kubanga wanzuukiza n'ebyo.
- 94 Nze ndi wuwo, ondokole; Kubanga naanoonyanga ebiragiyo byo.
- 95 Ababi bannindiridde okunzikiriza; Naye nze naalowoozanga bye wategeeza.
- 96 Ndabye ebintu byonna ebyatuukirira gye bikoma; Naye ekiragiyo kyo kigazi nnyo.
- 97 Amateeka go nga ngaagala! Ago ge nfumiitiriza okuzibya obudde.
- 98 Bye walagira bingeziwaza okusinga abalabe bange; Kubanga bali wamu nange ennaku zonna.
- 99 Nnina okutegeera okusinga abayigiriza bange bonna; Kubanga bye wategeeza bye ndowooza.
- 100 Ntegeera okukira abakadde, Kubanga neekuumaanga ebiragiyo byo.
- 101 Naazyizanga ebigere byange obutatambula mu kkubo ebbi lyonna, Ndyoke nkwa-tenga ekigambo kyo.
- 102 Seekooloobyanga kuleka misango gyo; Kubanga ggwe wanjigirizanga.
- 103 Ebigambo byo nga bimpoomera mu kibuno kyange! Bisinga omubisi gw'enjuki mu kamwa kange!
- 104 Ebiragiyo byo bye binfunya okutegeera: Kyenvudde nkyawa buli kkubo ery'obulimba.
- 105 Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, N'omusana eri ekkubo lyange.
- 106 Nalayira, era nkikakasizza kino, Nga naakwatanga emisango gyo egy'ensonga.
- 107 Mbonyaabonyezebwa nnyo; Onzuukize, ai Mukama, ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 108 Okkirize, nkwegayiridde, ebyo akamwa kange bye kaakuwa, ai Mukama, nga tekaawalirizibwa, Era onjigirizenga emisango gyo.
- 109 Emmeeme yange eri mu mukono gwange ennaku zonna; Naye seerabira mateeka go.
- 110 Ababi bantegedde omutege; Naye sikyamanga kuleka biragiyo byo.
- 111 Bye wategeeza mbitutte okuba obusika obutaliggavaawo; Kubanga ebyo bye binsanyusa omutima gwange.
- 112 Mpese omutima gwange okutuukiriza amateeka go, Emirembe gyonna, okutuusa enkomerero.
- 113 Nkyaye abo abalina emyoyo egy'obulimba; Naye amateeka go ge njagala.
- 114 Ggwe oli kifo kyange kye nneekwekamu, n'engabo yange: Nsuubira ekigambo kyo.
- 115 Mugende mumbeere wala, mmwe abakozi b'obubi; Ndyoke neekuumeaga Katonda wange bye yalagira.
- 116 Ompanirire ng'ekigambo kyo bwe kiri, mbeerenga omulamu; Nneme okukwatibwanga ensonyi olw'essubi lyange.
- 117 Ggwe ompanirire, nange naabeerangawo mirembe, Era neegenderezanga amateeka go ennaku zonna.
- 118 Onyoomye abo bonna abakyama okuleka amateeka go; Kubanga obukuusakuusa

bwabwe bulimba.

- 119** Omalawo ababi bonna ab'ensi ng'amasengere: Kyenvudde njagala ebyo bye wategeeza.
- 120** Omubiri gwange gukankana olw'okukutya; Era ntya emisango gyo.
- 121** Nkoze eby'omusango n'eb'obutuukuivu: Tondekera abo abanjooga.
- 122** Weeyimirire omuddu wo olw'obulungi: Ab'amalala baleme okunjooganga.
- 123** Amaaso gange ganzibye olw'obulokozi bwo, N'olw'ekigambo kyo ekituukirivu.
- 124** Okole omuddu wo ng'okusaasira kwo bwe kuli, Era onjigirizenga amateeka go.
- 125** Nze ndi muddu wo, ompe okutegeera; Ndyoke mmanyee ebyo bye wategeeza.
- 126** Obudde butuuse Mukama okukola emirimu; Kubanga badibiza amateeka go.
- 127** Kyenvudde njagala ebyo bye walagira Okusinga ezaabu, weewaawo, okusinga ezaabu ennungi.
- 128** Kyenvudde ndowooza ebiragiro byo byonna eby'ebigambo byonna nga bya nsonga; Era nkyaye buli kkubo ery'obulimba.
- 129** Bye wategeeza bya kitalo: Emmeeme yange kyeva ebyekuuma.
- 130** Ebigambo byo nga bigguliddwawo bireeta omusana; Biwa okutegeera abatalina magezi.
- 131** Nayasama nnyo akamwa kange ne mpeevuuma; Kubanga nayaayaanira ebyo bye walagira.
- 132** Onkyukire, onsaasire, Nga bw'oyisa okusaasira abo abaagala erinnya lyo.
- 133** Oluamizenga ebigere byange mu kigambo kyo; So obutali butuukirivu bwonna buleme okunfuganga.
- 134** Onnunule nneme okujoogebwanga abantu: Bwe ntyo bwe nnaakwataaga ebiragiro byo.
- 135** Oyakize amaaso go omuddu wo; Era onjigirizenga amateeka go.
- 136** Amaaso gange gakulukuta emigga gy'amazzi, Kubanga tebakwata mateeka go.
- 137** Oli mutuukirivu, ai Mukama, N'emisango gyo gya nsonga.
- 138** Walagira bye wategeeza mu butuukirivu Ne mu bwesigwa ddala ddala.
- 139** Obuggya bwange bunzikirizza, Kubanga abalabe bange beerabidde ebigambo byo.
- 140** Ekigambo kyo kirongoofu nnyo; Omuddu wo kyava akyagala.
- 141** Nze ndi muto, nnyoomebwa: Naye seerabira biragiro byo.
- 142** Obutuukirivu bwo bwe butuukirivu obw'emirembe gyonna, N'amateeka go ge mazima.
- 143** Ennaku n'okulumwa bindabye: Naye bye walagira bye binsanyusa.
- 144** Bye wategeeza bya butuukirivu emirembe gyonna: Ompe okutegeera, nange naabeeranga mulamu.
- 145** Nkoowodde n'omutima gwange gwonna; ompitabe, ai Mukama: Naakuumanga amateeka go.
- 146** Nkukoowodde; ondokole, Nange naakwatanga ebyo bye wategeeza.
- 147** Nakeera emmambya nga tennasala, ne nkoowoola: Nasuubira ebigambo byo.
- 148** Amaaso gange gaasooka ebisisimuka by'ekiro, Nfumiitirize ekigambo kyo.
- 149** Owulire eddoozi lyange ng'ekisa kyo bwe kiri: Onzuukize, ai Mukama, ng'emisango gyo bwe giri:
- 150** Basembera abagoberera obubi; Bali wala amateeka go.
- 151** Ggwe oli kumpi, ai Mukama; Ne byonna bye walagira ge mazima.
- 152** Edda n'edda namanyanga olw'ebyo bye wategeeza, Nga wabinyweza emirembe gyonna.
- 153** Olowoozenga okubonaabona kwange, omponye; Kubanga seerabira mateeka go.
- 154** Ompolereze ensonga yange, onnunule: Onzuukize ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 155** Obulokozi buba wala ababi; Kubanga tebanoonya mateeka go.

- 156 Okusaasira kwo okulungi kungi, ai Mukama: Onzuukize ng'emisango gyo bwe giri.
- 157 Abanjigganya n'abankyawa bangi: Naye seekooloobyanga kuleka bye wategeeza.
- 158 Nalaba abo abakola eby'enkwe, ne nnakuwala; Kubanga tebakwata kigambo kyo.
- 159 Olowooze bwe njagala ebiragiyo byo: Onzuukize, ai Mukama, ng'ekisa kyo bwe kiri.
- 160 Ekigambo kyo kyonna kyonna mazima; N'emisango gyo egy'ensonga gyonna gyonna gibeerera emirembe gyonna.
- 161 Abalangira banjigganyizza awatali nsonga; Naye omutima gwange gutya nnyo ebigambo byo.
- 162 Nsanyukira ekigambo kyo, Ng'alaba omunyago omungi.
- 163 Nkyaye obulimba, mbutamwa; Naye amateeka go ge njagala.
- 164 Emirundi musanvu buli lunaku nkutendereza; Olw'emisango gyo egy'ensonga.
- 165 Abaagala amateeka go balina emirembe mingi; So tebaliiko kibeesittaza.
- 166 Nsuubidde obulokozi bwo, ai Mukama, Era nkoze bye walagira.
- 167 Emmeeme yange yakwatanga bye wategeeza; Era mbyagala kitalo.
- 168 Naakwatanga ebiragiyo byo n'ebyo bye wategeeza; Kubanga amakubo gange gonna gali mu maaso go.
- 169 Okukaaba kwange kusemberenga mu maaso go, ai Mukama: Ompe okutegeeranga ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 170 Okwegayirira kwange kujjenga mu maaso go: Omponye ng'ekigambo kyo bwe kiri.
- 171 Emimwa gyange gyogere ettendo; Kubanga onjigiriza amateeka go.
- 172 Olulimi lwange luyimbe ku kigambo kyo; Kubanga bye walagira byonna bwe butuukirivu.
- 173 Omukono gwo gube nga gweteeseteese okunnyamba; Kubanga nneerobozza ebiragiyo byo.
- 174 Njaayaanidde obulokozi bwo, ai Mukama; Era amateeka go ge gansanyusa.
- 175 Emmeeme yange ebeerenga ennamu, era eneekutenderezanga; N'emisango gyo ginnyambenga.
- 176 Nakyama ng'endiga ebuze; noonya omuddu wo; Kubanga seerabira bye walagira.

Essuula 120

- 1 Mu kunakuwala kwange nakoowoola Mukama, N'ampitaba.
- 2 Omponye emmeeme yange, ai Mukama, eri emimwa egy'obulimba, N'eri olulimi olw'obukuusakuusa.
- 3 Oliweebwa ki, olyongerwako ki nate, Ggwe olulimi olw'obukuusakuusa?
- 4 Obusaale obw'obwogi obw'abazira, Era n'amanda ag'entaseesa.
- 5 Zinsanze, kubanga ntambulira mu Meseki Kubanga ntuula mu weema za Kedali!
- 6 Emmeeme yange yaakamaze ennaku nnyingi okutuula Awamu n'oyo akyawa emirembe.
- 7 Nze njagala emirembe: Naye bwe njogera, baagala okulwana.

Essuula 121

- 1 Naayimusa amaaso gange eri ensozi: Okubeerwa kwange kuliva wa?
- 2 Okubeerwa kwange kuva eri Mukama, Eyakola eggulu n'ensi.
- 3 Taliganya kigere kyo okusagaasagana: Akukuuma taabongootenga.
- 4 Laba, akuuma Isiraeri Taabongootenga so teyeebakenga.
- 5 Mukama ye mukuumi wo: Mukama kye kisiikirize kyo ku mukono gwo ogwa ddyo.
- 6 Enjuba terikwokya emisana, Newakubadde omwezi ekiro.
- 7 Mukama anaakuumanga eri obubi bwonna; Ono ye anaakuumanga emmeeme yo.

- 8 Mukama anaakuumanga amagenda go n'amadda, Okuva leero n'okutuuka emirembe gyonna.

Essuula 122

- 1 Nasanyuka bwe baamba nti Tugende mu nnyumba ya Mukama.
- 2 Ebigere byaffe biyimiridde Munda mu miryango gyo, ggwe Yersaalemi;
- 3 Ggwe Yersaalemi, eyazimbibwa Okuba ekibuga ekigattiddwa awamu:
- 4 Ebika gye birinnya, bye bika bya Mukama, Okuba obujulirwa eri Isiraeri, Okwebazanga erinnya lya Mukama.
- 5 Kubanga baateeka omwo entebe ez'okusalirako omusango, Entebe ez'ennyumba ya Dawudi.
- 6 Musabirenga Yersaalemi emirembe: Baliraba omukisa abakwagala.
- 7 Emirembe gibeere mu bisenge byo, N'omukisa mu mayu go.
- 8 Ku lwa baganda bange ne bannange Naayogera kaakano nti Emirembe gibeere mu ggwe.
- 9 Olw'ennyumba ya Mukama Katonda waffe Naagezangako okukukola obulungi.

Essuula 123

- 1 Eri ggwe nnyimusa amaaso gange, Ai ggwe atuula mu ggulu.
- 2 Laba, amaaso g'abaddu nga bwe gatunuulira omukono gwa mukama waabwe, Amaaso g'omuzaana nga bwe gatunuulira omukono gwa mugole we, N'amaaso gaffe bwe gatyo bwe gatunuulira Mukama Katonda waffe, Okutuusa lw'alitusaasira.
- 3 Otusaasire, ai Mukama, otusaasire: Kubanga tujjudde nnyo okunyoomebwa
- 4 Emmeeme yaffe ejjudde nnyo Okuduulirwa abo abalina emirembe, N'okunyoomebwa abo abalina amalala.

Essuula 124

- 1 Singa Mukama si ye yali ku luuyi lwaffe, Isiraeri ayogere kaakano;
- 2 Singa Mukama si ye yali ku luuyi lwaffe, Abantu bwe baatugolokokerako:
- 3 Banditumize, nga tukyali balamu, Obusungu bwabwe lwe bwatubuubukirako:
- 4 Amazzi ganditutwalidde ddala, Mukoka yandiyise ku mmeeme yaffe:
- 5 Amazzi ag'amalala gandyise ku mmeeme yaffe.
- 6 Mukama yeebazibwe, Atatugabudde okuba emmere eri amannyo gaabwe.
- 7 Emmeeme yaffe ewonye ng'ennyonyi mu mutego ogw'abatezi: Omutego gukutuse, naffe tuwonye.
- 8 Okubeerwa kwaffe kuli mu linnya lya Mukama, Eyakola eggulu n'ensi.

Essuula 125

- 1 Abeesiga Mukama Balianga olusozi Sayuuni, olutajjulukuka, naye lunywera emirembe gyonna.
- 2 Ensozi nga bwe zeetooloola Yersaalemi, Ne Mukama bw'atyo bwe yeetooloola abantu be, Okuva leero n'okutuusa emirembe gyonna.
- 3 Kubanga omuggo ogufuga ogw'obubi tegulibeerawo ku mugabo ogw'abatuukirivu; Abatuukirivu balemenga okugolola emikono gyabwe okukola ebitasaana:
- 4 Obakolenga ebirungi, ai Mukama, abalungi, N'abo abalina emitima egitali gya bukuusa.

- 5 Naye abo abeekooloobya mu makubo gaabwe agakyamye, Mukama alibafulumya wamu n'abakola ebitali bya butuukirivu. Emirembe gibeere ku Isiraeri.

Essuula 126

- 1 Mukama bwe yazza nate obusibe bwa Sayuuni, Ne tufaanana ng'abo abaloota.
- 2 Akamwa kaffe ne kalyoka kajjula enseko, N'olulimi lwaffe okuyimba: Ne balyoka boogerera mu mawanga Nti Mukama abakoledde ebikulu.
- 3 Mukama atukoledde ebikulu; Kyetuvudde tusanyuka.
- 4 Ozze nate obusibe bwaffe, ai Mukama, Ng'emigga mu bukiika obwa ddyo.
- 5 Abasiga nga bakaaba amaziga balikungula nga basanyuka.
- 6 Newakubadde nga yagenda ng'akaaba, ng'atwala ensigo; Alidda nate n'essanyu, ng'aleeta ebinywa bye.

Essuula 127

- 1 Mukama bw'atazimba nnyumba, Abagizimba bakolera bwereere: Mukama bw'atuku-uma kibuga, Omukuumi atunuulirira bwereere.
- 2 Mukolera bwereere bwe mukeera okugolokoka, era bwe mulwawo ennyo okwebaka; Era bwe mulya emmere ey'okutegana: Kubanga bw'abawa bw'atyo otulo abaagalwa be.
- 3 Laba, abaana bwe busika bwa Mukama: N'ebibala eby'olubuto ye mpeera ye.
- 4 Ng'obusaale bwe buli mu mukono gw'omuzira, Abaana ab'omu buvubuka bwe bali bwe batyo.
- 5 Alina omukisa omuntu omufuko gwe bwe gujjula abo: Tebaakwatibwenga nsonyi, Bwe banaayogereranga n'abalabe baabwe mu mulyango.

Essuula 128

- 1 Alina omukisa buli atya Mukama, Atambulira mu makubo ge.
- 2 Kubanga onoolyanga emirimu egy'emikono gyo: Oliba wa mukisa, era oliraba ebirungi.
- 3 Mukazi wo aliba ng'omuzabbibu ogubala mu nju ez'omunda mu nnyumba yo: Abaana bo ng'amatabi g'omuzeyituuni nga beetooloola emmeeza yo.
- 4 Laba, bw'atyo bw'aliweebwa omukisa omuntu Atya Mukama.
- 5 Mukama anaakuwanga omukisa ng'ayima mu Sayuuni: Naawe onoolabanga ebirungi nga bijja ku Yersaalemi ennaku zonna ez'obulamu bwo.
- 6 Weewaawo, oliraba abaana b'abaana bo. Emirembe gibeere ku Isiraeri.

Essuula 129

- 1 Emirundi mingi gye baakambonyaabonyeza okuva mu buto bwange Isiraeri ayogere kaakano;
- 2 Emirundi mingi gye baakambonyaabonyeza okuva mu buto bwange: Naye ne batampangula.
- 3 Abakabala baakabala omugongo gwange; Baatema ensalosalalo empanvu,
- 4 Mukama mutuukirivu: Asazeesaze emigwa egy'ababi.
- 5 Bakwatibwe ensonyi, bazzibwe ennyuma, Bonna abakyawa Sayuuni.
- 6 Babe ng'omuddo oguli waggulu ku nnyumba, Oguwotoka nga tegunnakula:
- 7 Omukunguzi n'atajjuza ogwo omukono gwe, Newakubadde asiba ebinywa ekifuba

kye.

- 8 Newakubadde abayita teboogera Nti Omukisa gwa Mukama gube ku mmwe; Tubawadde omukisa mu linnya lya Mukama.

Essuula 130

- 1 Mu buziba nkukaabidde ggwe, ai Mukama.
- 2 Mukama, owulire eddoozi lyange: Amatu go galowooze Eddoozi ery'okwe-gayirira kwange.
- 3 Mukama, bw'onoobalanga ebitali bya butuukirivu, Ai Mukama, aliyimirira aluwa?
- 4 Naye waliwo okusonyiwa w'oli, Olyoke otiibwenga.
- 5 Nnindirira Mukama, emmeeme yange erinda, Era ekigambo kye kye nsuubira.
- 6 Emmeeme yange eyaayaanira Mukama, Okusinga abakuumi bwe bayaayaanira obudde okukya; Weewaawo, okusinga abakuumi bwe bayaayaanira obudde okukya.
- 7 Ggwe Isiraeri, suubiranga Mukama; Kubanga awali Mukama we wali okusaasira, Era awali ye we wali okununula okungi.
- 8 Era oyo alinunula Isiraeri Mu butali butuukirivu bwe bwonna.

Essuula 131

- 1 Mukama omutima gwange si gwa malala, newakubadde amaaso gange tegeegulumiza; So sitambulira mu bigambo ebikulu. Newakubadde mu bigambo eby'ekitalo ebin-nema.
- 2 Mazima onzezza emmeeme yange, ngisirisizza; Ng'omwana avudde ku mabeere awali nnyina, N'emmeeme yange eri we ndi bw'etyo ng'omwana avudde ku mabeere.
- 3 Ggwe Isiraeri suubiranga Mukama Okuva leero n'okutuusa emirembe gyonna.

Essuula 132

- 1 Mukama, ojuukirire Dawudi Okubonaabona kwe kwonna.
- 2 Bwe yalayirira Mukama, Ne yeeyama Omuzira wa Yakobo:
- 3 Mazima siriyingira mu weema ey'ennyumba yange, So sirinnya ku kiriri kyange;
- 4 Siriwa amaaso gange okwebaka, Newakubadde enkowekowe zange Otulo;
- 5 Okutuusa lwe ndimulabira Mukama ekifo, Eweema ey'Omuzira wa Yakobo.
- 6 Laba, twagiwulirako mu Efulasa: Twagiraba mu nnimiro ey'ekibira.
- 7 Tuliyingira mu weema ze; Tulisinziza awali entebe y'ebigere bye.
- 8 Golokoka, ai Mukama, oyingire mu kifo kyo eky'okuwummuliramumu; Ggwe, n'essanduuko ey'amaanyi go.
- 9 Bakabona bo bambale obutuukirivu; N'abatukuvu bo boogerere waggulu olw'essanyu.
- 10 Ku lw'omuddu wo Dawudi Togoba maaso g'oyo gwe wafukako amafuta.
- 11 Mukama yalayirira Dawudi mu mazima; Talikyuka kugaleka: Ku bibala eby'omubiri gwo nditeeka ku ntebe yo.
- 12 Abaana bo bwe banakkirizanga okwekuuma endagaano yange N'obujulirwa bwange bwe nnaabayigirizanga, Era n'abaana baabwe banaatuulanga ku ntebe yo emirembe gyonna.
- 13 Kubanga Mukama yeeroboza Sayuuni; Yakiyaayaanira okukituulamu.
- 14 Kino kye kifo kye mpummuliramumu ennaku zonna: Wano we nnaatuulanga; kubanga nayaayaanirawo.
- 15 Naakiwanga omukisa mungi ekyengera kyakyo: Nakkusanga abaavu baakyo emmere.

- 16 Era ne bakabona baakyo ndibambaza obulokozi: N'abatukuvu baakyo balyogerera waggulu olw'essanyu.
- 17 Eyo gye ndyanyisiza ejjembe lya Dawudi: Namuteekerawo ettabaaza eyo gwe nna-fukako amafuta.
- 18 Abalabe be ndibambaza ensonyi: Naye ku mutwe gwe engule ye eriraba omukisa.

Essuula 133

- 1 Laba bwe kuli okulungi, bwe kusanyusa, Ab'oluganda okutuula awamu nga batabaganye!
- 2 Kulianga amafuta ag'omuwendo omungi agali ku mutwe, Agaakulukutira mu kirevu, Mu kirevu kya Alooni; Agaaserengetera ku lukugiro lw'ebyambalo bye;
- 3 Ng'omusulo gwa Kerumooni, Ogukkira ku nsozi za Sayuuni: Kubanga eyo Mukama gye yalagirira omukisa, Bwe bulamu obw'emirembe n'emirembe.

Essuula 134

- 1 Mulabe, mumwebaze Mukama, mmwe mwenna abaddu ba Mukama, Abayimirira ekiro mu nnyumba ya Mukama.
- 2 Muyimuse engalo zammwe eri awatukuvu, Mumwebaze Mukama.
- 3 Mukama akuwe omukisa ng'ayima mu Sayuuni; Oyo eyakola eggulu n'ensi.

Essuula 135

- 1 1 Mumutendereze Mukama. Mutendereze erinnya lya Mukama, Mumutendereze, mmwe abaddu ba Mukama:
- 2 Mmwe abayimirira mu nnyumba ya Mukama, Mu mpya z'ennyumba ya Katonda waffe.
- 3 Mumutendereze Mukama; kubanga Mukama mulungi: Muyimbe okutendereza erinnya lye; kubanga lya ssanyu.
- 4 Kubanga Mukama yeeroboza Yakobo okuba owuwe, Ne Isiraeri okuba ow'envuma ye yekka.
- 5 Kubanga mmanyi nga Mukama mukulu, Era nga Mukama waffe asinga bakatonda bonna.
- 6 Buli ky'ayagadde Mukama akikoze, Mu ggulu ne mu nsi, mu nnyanja ne mu by'obuziba byonna.
- 7 Anyoosa omukka okuva ku nkomerero z'ensi; Aleetera enjota enkuba; Afulumya empewo mu mawanika ge.
- 8 Eyakuba ababereberye ab'e Misiri, Ab'abantu era n'ab'ensolo.
- 9 Yaweereza obubonero n'eby'amagero wakati mu ggwe, ggwe Misiri, Ku Falaawo, ne ku baddu be bonna.
- 10 Eyakuba amawanga amangi, N'atta bakabaka ab'amaanyi;
- 11 Sikoni kabaka w'Abamoli, Ne Ogi kabaka w'e Basani, N'amatwale gonna aga Kanani:
- 12 N'agaba ensi yaabwe okuba obusika, Obusika eri Isiraeri abantu be.
- 13 Erinnya lyo, ai Mukama, libeerera ennaku zonna; N'ekijjukizo kyo, ai Mukama, okutuusa emirembe gyonna.
- 14 Kubanga Mukama alisalira omusango abantu be, Era alyejjusa mu bigambo eby'abaddu be.
- 15 Ebifaananyi eby'amawanga ye ffeeza, ye zaabu, Omulimu ogw'emikono gy'abantu.

- 16 Birina obumwa, naye tebyogera; Birina amaaso, naye tebiraba;
- 17 Birina amatu, naye tebiwulira; So tewali mukka mu bumwa bwabyo.
- 18 Ababikola balibifaanana; Weewaawo, buli abyesiga.
- 19 Mmwe ennyumba ya Isiraeri, mumwebaze Mukama: Mmwe ennyumba ya Alooni, mumwebaze Mukama:
- 20 Mmwe ennyumba ya Leevi, mumwebaze Mukama: Mmwe abatya Mukama, mumwebaze Mukama.
- 21 Mukama yeebazibwe okuva mu Sayuuni, Atuula mu Yerusalemi. Mumutendereze Mukama.

Essuula 136

- 1 Mumwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 2 Mumwebaze Katonda wa bakatonda: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 3 Mumwebaze Mukama w'abaami: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 4 Oyo akola eby'amagero ebikulu yekka: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 5 Oyo ayakola eggulu n'amagezi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 6 Oyo eyayaliira ensi waggulu ku mazzi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 7 Oyo ayakola ebyaka ebikulu: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 8 Enjuba okufuga emisana: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 9 Omwezi n'emmunyeenye okufuga ekiro: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 10 Oyo ayakubira e Misiri ababereberye baabwe: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 11 N'aggyamu Isiraeri wakati mu bo: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 12 N'engalo ez'amaanyi, n'omukono omugolole: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 13 Oyo eyayawulamu wakati Ennyanja Emmyufu: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 14 N'ayisa Isiraeri wakati mu yo: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 15 Naye n'asuulira Falaawo n'eggye lye mu Nnyanja Emmyufu. Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 16 Oyo eyaluamiza abantu be mu ddungu: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 17 Oyo ayakuba bakabaka abakulu: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 18 N'atta bakabaka abaatiikirivu: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 19 Sikoni kabaka w'Abamoli: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 20 Ne Ogi kabaka w'e Basani: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 21 N'agaba ensi yaabwe okuba obusika: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 22 Okuba obusika eri Isiraeri omuddu we: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.

- 23 Eyatujjukira bwe twajeera: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna:
- 24 N'atuwonya eri abalabe baffe: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 25 Awa ebyokulya ebirina emibiri byonna: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.
- 26 Mumwebaze Katonda ow'omu ggulu: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.

Essuula 137

- 1 Okumpi n'emigga egy'e Babulooni, Twatuulawo wansi, weewaawo, ne tukaaba amaziga: Bwe twajjukira Sayuuni.
- 2 Ku miti egyali wakati mu kyo Ne tuwaaikako ennanga zaffe.
- 3 Kubanga abaatutwala mu busibe baatulagirira eyo okuyimba, N'abaatunyaga baatula-gira okuseka, Nti Mutuyimbireko ku nnyimba za Sayuuni.
- 4 Tunaayimbanga tutya oluyimba lwa Mukama Mu nsi eteri yaffe?
- 5 Bwe nnaakwerabiranga, ggwe Yerusalemi, Omukono gwange ogwa ddyo gwer-abirenga amagezi gaagwo.
- 6 Olulimi lwange lwegattenga n'ekibuno kyange, Bwe ssiikujjukirenga; Bwe ssaagalenga Yerusalemi Okusinga essanyu lyange ekkulu.
- 7 Ojjukire, ai Mukama, ku baana ba Edomu Olunaku olw'e Yerusalemi; Abaayogera nti Kisuule, kisuule, Era n'emisingi gyakyo.
- 8 Ggwe omuwala ow'e Babulooni, agenda okuzikirizibwa; Aliba n'omukisa oyo alikuwalana ggwe, Nga bwe watukola ffe.
- 9 Aliba n'omukisa oyo alikwata abaana bo abato, alibakasuka ku jjinja.

Essuula 138

- 1 Nneebazanga n'omutima gwange gwonna: Mu maaso ga bakatonda naayimbanga okukutendereza.
- 2 Nnaasinzizanga eri yeekaalu yo entukuvu, Era nneebazanga erinnya lyo olw'ekisa kyo n'olw'amazima go: Kubanga ogulumizizza ekigambo kyo okusinga erinnya lyo lyonna.
- 3 Ku lunaku lwe nnakaabirirako wampitaba, N'oumya n'amaanyi mu mmeema yange.
- 4 Bakabaka bonna ab'ensi balikwebaza, ai Mukama, Kubanga bawulidde ebigambo eby'akamwa ko.
- 5 Weewaawo, baliyimba ku makubo ga Mukama; Kubanga ekitiibwa kya Mukama kingi.
- 6 Kuba Mukama newakubadde nga ye mukulu, naye n'alowooza abeetoowaza: Naye ab'amalala abamanya ng'ayima wala.
- 7 Newakubadde nga ntambulira wakati mu nnaku, olinzuukiza; Oligolola omukono gwo ku busungu bw'abalabe bange, N'omukono gwo ogwa ddyo gulindokola.
- 8 Mukama alituukiriza ebigambo ebinfaako: Okusaasira kwo, ai Mukama, kubeerera emirembe gyonna; Toleka mirimu gya mikono gyo ggwe.

Essuula 139

- 1 Ai Mukama, wannoonya nze, wammanya.
- 2 Omanyi bwe ntuula, era bwe ngolokoka, Otegeera okulowooza kwange nga kukyali wala.
- 3 Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange, Era omanyi amagenda gange

gonna.

- 4 Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange, Laba, ai Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala.
- 5 Onzingizizza mu maaso n'ennyuma, Era ontaddeko omukono gwo.
- 6 Okumanya okulianga okwo kwa kitalo, kunnema; Kwa waggulu, siyiza kukutuukako.
- 7 Naagenda wa okuva eri omwoyo gwo? Oba naddukira wa amaaso go?
- 8 Bwe nnaalinnya mu ggulu, nga gy'oli: Bwe nnaayala obuliri bwange mu magombe, laba, nga gy'oli.
- 9 Bwe nnaatoola ebiwaawaatiro eby'enky'a, Ne ntuula mu bifo eby'ennyanja ebiri ewala ennyo;
- 10 Newakubadde eyo omukono gwo gunannuamya, N'omukono gwo ogwa ddyo gunankwata.
- 11 Bwe ndyogera nti Enzikiza teereme kumbikkako, N'omusana ogunneetoolodde gunaaba ekiro;
- 12 Newakubadde enzikiza teyeekisa eri ggwe, Naye ekiro kyaka ng'omusana: Kubanga enzikiza n'omusana bifaanana w'oli.
- 13 Kubanga ggwe olina omwoyo gwange: Wambikkako mu lubuto lwa mmange.
- 14 Naakwebazanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo: Emirimu gyo gya kitalo; N'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala.
- 15 Tewakisibwa mubiri gwange, Bwe nnakolerwa mu kyama, Bwe nnatondebwa n'amagezi amangi mu bya wansi eby'ensi.
- 16 Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga tegunnatuukirira, Ne mu kitabo kyo ebitundu byange byonna ne biwandiikibwa.
- 17 Era n'ebirowoozo byo nga bya muwendo mungi gye ndi, ai Katonda! Bwe bigattibwa awamu nga bingi!
- 18 Bwe mba mbibaze, bisinga omusenya omuwendo: Bwe nzuukuka, nga nkyali wamu naawe.
- 19 Tolirema kutta babi, ai Katonda: Kale muve gye ndi, mmwe abasajja abayaayaanira omusaayi.
- 20 Kubanga bakwogerako bubu, N'abalabe bo balayirira bwereere erinnya lyo.
- 21 Sibakyawa abo, ai Mukama, abakukyawa ggwe? Sinyiigira abo abakugolokokerako?
- 22 Mbakyawa okukyawa okutuukiridde Mbayita balabe bange.
- 23 Onkebere, ai Katonda, omany'e omutima gwange: Onkeme, omany'e ebirowoozo byange:
- 24 Olabe ng'ekkubo lyonna ery'obubi liri mu nze, Era onnuamyanga mu kkubo eritakoma.

Essuula 140

- 1 Omponye, ai Mukama, eri omubi; Onkuume eri omutemu:
- 2 Abayiiya ettima mu mutima gwabwe; Bakuaananga bulijjo okulwana.
- 3 Basongodde olulimi lwabwe ng'omusota; Obusagwa bw'essalambwa buli wansi w'emimwa gyabwe. (Seera)
- 4 Onkuume, ai Mukama, eri emikono gy'ababi; Omponye eri omutemu: Abateesezza okukyamya ebigerere byange olw'amaanyi.
- 5 Ab'amalala bantegedde omutege n'emigwa; Bayaze ekitimba mu kkubo: Bantegedde ebyambika. (Seera)
- 6 Nagamba Mukama nti Ggwe oli Katonda wange: Owulire eddoboosi ery'okwegayirira kwange, ai Mukama.

- 7 Ai Katonda Mukama, amaanyi ag'obulokozi bwange. Wambikka ku mutwe gwange ku lunaku olw'olutalo.
- 8 Tokkiriza, ai Mukama, omubi by'ayagala; Toyamba lukwe lwe olubi; baleme okwegulumizanga. (Seera)
- 9 Omutwe gwabwe abanneetooloola, Ettima ery'emimwa gyabwe bo libabikkengako.
- 10 Amanda agookya gabagweko: Basuulibwe mu muliro; Mu bunnya obuwanvu, baleme okugolokokanga nate.
- 11 Ayogera obubi taanywerenga mu nsi: Obubi bunaayigganyanga omutemu okumusuula.
- 12 Mmanyi nga Mukama aliwoza omusango gw'abo ababonyaabonyezebwa, N'ensonga ey'abanaku.
- 13 Abatuukirivu tebalirema kwebaza linnya lyo: Ab'amazima balituula w'oli.

Essuula 141

- 1 Mukama, nkukaabidde; oyanguwe okujja gye ndi: Owulire eddobozi lyange, bwe nkukaabira.
- 2 Okusaba kwange kuteekebwe mu maaso go ng'omugavu; Okugololwa kw'emikono gyange kube nga ssaddaaka ey'akawungeezi.
- 3 Ossengawo okulabirira, ai Mukama, ku kamwa kange: Okuumenga omulyango gw'emimwa gyange.
- 4 Tokyusanga mutima gwange eri ekibi kyonna. Okugenderera ebikolwa eby'obubi Awamu: n'abo abakola ebitali bya butuukirivu: So nnemenga okulya ku mmere yaabwe empoomerevu.
- 5 Omutuukirivu ankubenga nga kwa kisa; Era ambuulirirenga, ng'amafuta ku mutwe; Omutwe gwange gulemenga okugagaana: Kuba newakubadde, mu bubu bwabwe okusaba kwange kunaabeererangawo.
- 6 Abalamuzi baabwe basuulibwa ku mabbali g'ejjinja; Nabo baliwulira ebigambo byange; kubanga biwoomerevu.
- 7 Ng'omuntu bw'akabala ng'atema ettaka, N'amagumba gaffe bwe gatyo gasaasaanidde ku kamwa k'amagombe.
- 8 Kubanga amaaso gange gatunuulira ggwe, ai Katonda Mukama: Nkwesiga ggwe; toleka mmeeme yange nga teriiko anannyamba.
- 9 Onkuume eri omutego gwe bantedgedde, N'eri ebyambika by'abo abakola ebitali bya butuukirivu.
- 10 Ababi bagwe mu bitimba byabwe bo, Naye nze nga mpona.

Essuula 142

- 1 Nkaabira Mukama n'eddobozi lyange; N'eddobozi lyange neegayirira Mukama.
- 2 Nfuka mu maaso ge ebinneemulugunyisizza; Ndaga mu maaso ge ebinnakuwazizza;
- 3 Omwoyo gwange bwe gwazirika munda yange, ggwe wamanya ekkubo lyange. Mu kkubo lye ntambuliramu bankwekeddemu omutego.
- 4 Mutunule ku mukono gwange ogwa ddyo, mulabe; kubanga tewali muntu ammanyi: Ekiddukiro kimbuze; tewali muntu ayagala emmeeme yange:
- 5 Nakukoowoola ggwe, ai Mukama; Nayogera nti Ggwe oli kiddukiro kyange, Omugabo gwange mu nsi ey'abalumu.
- 6 Owulire okukaaba kwange; kubanga njeezebwa nnyo: Omponye eri abo abanjigganya; kubanga bansinga amaanyi.
- 7 Oggyeemu emmeeme yange mu kkomera, neebazenga erinnya lyo: Abatuukirivu

balinneetooloola; Kubanga olinkolera eby'ekisa ekingi.

Essuula 143

- 1 Owulire okusaba kwange, ai Mukama; otege okutu eri okwegayirira kwange. Mu bwesigwa bwo ompitabe, ne mu butuukirivu bwo.
- 2 So tosalanga musango gwa muddu wo; Kubanga mu maaso go tewali muntu mulamu alisinga.
- 3 Kubanga omulabe anjigganyizza emmeeme yange; Akubye obulamu bwange n'abusu-ula wansi: Antuuzizza mu bifo eby'enzikiza ng'abo abaafa edda.
- 4 Omwoyo gwange kyeguvudde guzirika munda yange; Omutima gwange munda yange teguliiko anannyamba.
- 5 Njijukira ennaku ez'edda; ndowooza ebikolwa byo byonna: Nfumiitiriza omulimu ogw'engalo zo.
- 6 Nnyanjuluza engalo zange eri ggwe: Emmeeme yange ekulumirwa ennyonta, ng'ensi ekooye. (Seera)
- 7 Oyanguwe okumpitaba, ai Mukama; omwoyo gwange guggwaawo: Tonkisa maaso go; neme okufuuka ng'abo abakkira mu bunnya.
- 8 Ompulizenga enkya ekisa kyo ekirungi; kubanga neesiga ggwe: Ontegeeze ekkubo eriwanira okutambuliramu; kubanga nnyimusa emmeeme yange eri ggwe.
- 9 Omponye, ai Mukama, eri abalabe bange: Nziruka okujja w'oli okwekisa.
- 10 Onjigirize okukolanga by'oyagala; kubanga ggwe oli Katonda wange: Omwoyo gwo mulungi; onnuamize mu nsi ey'obutuukirivu.
- 11 Onzuukize, ai Mukama, olw'erinnya lyo: Mu butuukirivu bwo oggyemu emmeeme yange mu nnaku.
- 12 Era mu kisa kyo ekirungi ozikirize abalabe bange, Omalewo bonna ababonyaabonya emmeeme yange; Kubanga ndi muddu wo.

Essuula 144

- 1 Yeebazibwe Mukama ejjinja lyange, Ayigiriza emikono gyange entalo, n'engalo zange okulwana.
- 2 Ekisa kyange ekirungi era ekigo kyange, Ennyumba yange empanvu, era omulokozi wange; Engabo yange, era oyo gwe nneesiga, Ajeemulula abantu bange be ntuala.
- 3 Mukama, omuntu kiki, ggwe okumumanya? Oba omwana w'omuntu, ggwe okumu-lowoozaako?
- 4 Omuntu alianga omukka: Ennaku ze zirianga ekisiikirize ekiggwaawo.
- 5 Okutamye eggulu lyo, ai Mukama, okke: Okwate ku nsozi, zinaanyooka.
- 6 Okasuke enjota, obasaasaanye; Olase obusaale bwo, obateganye.
- 7 Ogolole omukono gwo ng'oyima waggulu; Omponye, onziye mu mazzi amangi, mu mukono gwa bannaggwanga;
- 8 Akamwa kaabwe koogera ebitaliimu, N'omukono gwabwe ogwa ddyo gwe mukono ogwa ddyo ogw'obulimba.
- 9 Naakuyimbiranga ggwe oluyimba oluggya, ai Katonda: N'ennanga erina enkoba ekkumi naayimbanga okukutendereza.
- 10 Ye wuuyo awa bakabaka obulokozi: Awonya Dawudi omuddu we eri ekitala ekiruma.
- 11 Omponye, onziye mu mukono gwa bannaggwanga, Akamwa kaabwe koogera ebitaliimu, N'omukono gwabwe ogwa ddyo gwe mukono ogwa ddyo ogw'obulimba.
- 12 Batabani baffe bwe baliba ng'emiti egikuze nga bakyali bavubuka; N'abawala baffe ng'amayinja ag'omu nsonda agabajjibwa nga bwe bagabajjira mu lubiri;

- 13 Amawanika gaffe bwe galijjula, nga galina ebintu eby'engeri zonna; N'endiga zaffe bwe zirizaala enkumi n'obukumi ku ttale lyaffe;
- 14 Ente zaffe bwe ziriba n'emigugu eminene; Nga tewali kuwagula, newakubadde okufuluma, So nga tewali kuyoogaana mu nguudo zaffe;
- 15 Balina omukisa abantu ababeera bwe batyo: Balina omukisa abantu abalina Katonda waabwe ye Mukama.

Essuula 145

- 1 Naakugulumizanga, Katonda wange, ai Kabaka; Era neebazanga erinnya lyo emirembe n'emirembe.
- 2 Buli lunaku naakwebazanga; Era naatenderezanga erinnya lyo emirembe n'emirembe.
- 3 Mukama mukulu, era agwana okutenderezewa ennyo N'obukulu bwe tebunoonyezeka.
- 4 Emirembe ginaasuutanga emirimu gyo eri emirembe, Era ginaatenderanga ebikolwa byo eby'amaanyi.
- 5 Ku bukulu obw'ekitiibwa obw'ettendo lyo, Ne ku mirimu gyo egy'ekitalo, kwe nnaalowoozanga.
- 6 Era abantu banaayogeranga ku bikolwa byo eby'entiisa nga bya maanyi; Nange naategeezanga obukulu bwo.
- 7 Banaayatulanga obulungi bwo obungi bwe bujjukirwa, Era banaayimbanga ku butuukirivu bwo.
- 8 Mukama wa kisa ajjudde okusaasira; Alwawo okusunguwala era wa kusonyiwa kungi.
- 9 Mukama mulungi eri bonna; N'okusaasira kwe okulungi kubuna emirimu gye gyonna.
- 10 Emirimu gyo gyonna ginaakwebazanga, ai Mukama; N'abatukuvu bo banaakweyanzanga.
- 11 Banaayogeranga ku kitiibwa eky'obwakabaka bwo, Banaanyumyanga ku buyinza bwo;
- 12 Okumanyisanga abaana b'abantu ebikolwa bye eby'amaanyi, N'ekitiibwa eky'obukulu obw'obwakabaka bwe.
- 13 Obwakabaka bwo bwe bwakabaka obutaliggwaawo, N'okufuga kwo kunaabeereranga emirembe gyonna.
- 14 Mukama awanirira abagwa bonna, Era ayimiriza abakutama bonna.
- 15 Amaaso g'ebintu byonna gakulindirira; Naawe obiwa emmere yaabyo mu ntuuko zaabyo.
- 16 Oyanjuluza engalo zo, N'okkusa buli kintu kiramumu bye kyagala.
- 17 Mukama mutuukirivu mu makubo ge gonna, Era wa kisa mu mirimu gye gyonna.
- 18 Mukama aba kumpi abo bonna abamukaabira, Bonna abamukaabira n'amazima.
- 19 Anaatuukirizanga abo kye baagala abamutya; Era anaawuliranga okukaaba kwabwe anaabalokolanga.
- 20 Mukama akuuma abo bonna abamwagala; Naye ababi bonna alibazikiriza.
- 21 Akamwa kange kanaayogeranga ettendo lya Mukama; Era ne byonna ebirina emibiri byebazenga erinnya lye ettukuvu emirembe n'emirembe.

Essuula 146

- 1 Mumutendereze Mukama. Tendereza Mukama, ggwe emmeeme yange.
- 2 Nga nkyali mulamu, naatenderezanga Mukama: Naayimbanga okutendereza Katonda

wange nga nkyaliwo.

- 3 Temwesiganga balangira, Newakubadde omwana w'omuntu, omutali buyambi bwonna.
- 4 Omukka gwe gumuvaamu, n'adda mu ttaka lye; Ku lunaku olwo ebirowoozo bye ne bibula.
- 5 Alina omukisa oyo alina Katonda wa Yakobo okuba omubeezi we, Asubira Mukama Katonda we:
- 6 Eyakola eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebibirimu byonna; Akwata amazima ennaku zonna:
- 7 Abatuukiririza omusango abajoogebwa; Awa emmere abalumwa enjala; Mukama asumulula abasibe;
- 8 Mukama azibula amaaso g'abazibe; Mukama ayimiriza abakutama; Mukama ayagala abatuukirivu;
- 9 Mukama akuuma bannaggwanga; Awanirira atalina kitaawe ne nnamwandu; Naye ekkubo ery'ababi alivuunikirira ddala.
- 10 Mukama anaafuganga ennaku zonna, Katonda wo, ggwe Sayuuni, okutuusa emirembe gyonna. Mumutendereze Mukama.

Essuula 147

- 1 Mumutendereze Mukama; Kubanga kulungi okuyimba okutenderezanga Katonda waffe; Kubanga kwa ssanyu, era ettendo liwooma.
- 2 Mukama azimbira ddala Yerusalemi; Akuaanya wamu abagobebwa ab'omu Isiraeri.
- 3 Awonya abalina emitima egimenyese, Era asiba ebiwundu byabwe.
- 4 Abala emmunyeenye omuwendo gwazo; Azituuma zonna amannya gaazo.
- 5 Mukama waffe mukulu, era obuyinza bwe bwa maanyi; Okutegeera kwe tekulowoozekeka.
- 6 Mukama awanirira abawombeefu: Asindika wansi ababi.
- 7 Mumuyimbire Mukama n'okwebaza; Muyimbe n'ennanga okutendereza Katonda waffe;
- 8 Abikka ku ggulu n'ebire, Ateekerateekera ensi enkuba, Amereza omuddo ku nsozi.
- 9 Awa ensolo emmere yaazo, Ne bannamuona abato abakaaba.
- 10 Tasanyukira maanyi ga mbalaasi: Teyeemimira amagulu g'omuntu.
- 11 Mukama yeemimira abo abamutya, Abo abasubira okusaasira kwe.
- 12 Tendereza Mukama, ggwe Yerusalemi; Tendereza Katonda wo, ggwe Sayuuni.
- 13 Kubanga anywezezza ebisiba by'enzigi zo; Awadde omukisa abaana bo munda yo.
- 14 Aleeta emirembe mu nsalo zo; Akujjuza obugimu obw'eaano.
- 15 Aweereza ekiragiyo kye ku nsi; Ekigambo kye kidduka embiro nnyingi.
- 16 Agabula omuzira ng'ebyoya by'endiga; Amansira omusulo ogukutte empewo ng'evvu.
- 17 Aweereza amazzi ge agakutte ng'obukunkumuka: Ani ayinza okuyimirira awali empewo ze?
- 18 Atuma ekigambo kye, n'abisaanuusa: Akunsa empewo ze, amazzi ne gakulukuta.
- 19 Alaga Yakobo ekigambo kye, Amateeka ge n'emisango gye eri Isiraeri.
- 20 Takolanga bw'atyo ggwanga lyonna: N'emisango gye tebagimanyanga. Mumutendereze Mukama.

Essuula 148

- 1 Mumutendereze Mukama Mumutendereze Mukama, mmwe abayima mu ggulu:

- Mumutendereze mu bifo ebya waggulu.
- 2 Mumutendereze, mmwe bamalayika be bonna: Mumutendereze, mmwe eggye lye lyonna.
 - 3 Mumutendereze, mmwe enjuba n'omwezi: Mumutendereze, mmwe emmunyeenye zonna ezaaka.
 - 4 Mumutendereze, mmwe eggulu ly'eggulu, Nammwe amazzi agali waggulu w'eggulu.
 - 5 Bitendereze erinnya lya Mukama: Kubanga yalagira, ne bitondebwa.
 - 6 Era yabinyweza okutuusa emirembe n'emirembe: Yateeka etteeka eritaridiba.
 - 7 Mumutendereze Mukama, mmwe abali mu nsi, Mmwe balukwata, n'ebifo byonna eby'obuziba:
 - 8 Omuliro n'omuzira, serugi n'omukka: Omuyaga ogutuukiriza ekigambo kye:
 - 9 Ensozi n'obusozi bwonna; Emiti egibala n'emivule gyonna:
 - 10 Ensolo n'ente zonna; Ebyewalula n'ennyonyi ezibuuka:
 - 11 Bakabaka b'ensi n'amawanga gonna; Abalangira n'abalamuzi bonna ab'ensi:
 - 12 Abavubuka n'abawala; Abakadde n'abato:
 - 13 Batendereze erinnya lya Mukama; Kubanga erinnya lye yekka lye ligulumizibwa: Ekitiibwa kye kiri kungulu ku nsi ne ku ggulu.
 - 14 Era agulumizizza ejjembe ery'abantu be, Ettendo eryabatukuvu be bonna; Be baana ba Isiraeri, abantu abamuli okumpi: Mumutendereze Mukama.

Essuula 149

- 1 Mumutendereze Mukama. Mumuyimbire Mukama oluyimba oluggya, N'ettendo lye mu kkuaaniro ery'abatukuvu:
- 2 Isiraeri asanyukire oyo eyamukola: Abaana ba Sayuuni bajagulize kabaka waabwe.
- 3 Batendereze erinnya lye nga bazina: Bayimbe okumutendereza n'ekitaasa n'ennanga.
- 4 Kubanga Mukama asanyukira abantu be: Aliwonya abawombeefu n'obulokozi.
- 5 Abatukuvu bajagulize ekitiibwa: Bayimbirenga olw'essanyu ku bitanda byabwe.
- 6 Ettendo eggulumivu lya Katonda libenga mu bulago bwabwe, N'ekitala eky'obwogi obubiri mu ngalo zaabwe;
- 7 Okuwalana eggwanga ku mawanga, N'okubonyaabonya abantu;
- 8 Okusiba bakabaka baabwe n'enjegere, N'abakungu baabwe n'ebisiba eby'ebyuma;
- 9 Okubatuukirizaako omusango ogwawandiikibwa: Abatukuvu be bonna balina ekitiibwa ekyo. Mumutendereze Mukama.

Essuula 150

- 1 Mumutendereze Mukama. Mumutendereze Katonda mu watukuvu we: Mumutendereze mu bbanga ery'amaanyi ge.
- 2 Mumutendereze olw'ebikolwa bye eby'amaanyi: Mumutendereze ng'obukulu bwe obulungi bwe buli.
- 3 Mumutendereze n'eddoboozi ery'ekkondeere: Mumutendereze n'amadinda n'ennanga.
- 4 Mumutendereze n'ekitaasa n'okuzina: Mumutendereze n'ebyo ebirina engoye n'endere:
- 5 Mumutendereze n'ebitaasa ebivuga ennyo: Mumutendereze n'ebitaasa eby'eddoboozi ettono.
- 6 Buli ekirina omukka kimutendereze Mukama. Mumutendereze Mukama.

Engero

Essuula 1

- 1 Engero za Sulemaani mutabani wa Dawudi, kabaka wa Isiraeri:
- 2 Okumanyanga amagezi n'okuyigirizibwanga; Okwawulanga ebigambo eby'okutegeera;
- 3 Okukkiriza okuyigirizibwanga okukolanga eby'amagezi, Obutuukirivu n'okusalanga emisango n'okugobereranga ensonga;
- 4 Okuwanga abatalina magezi obukabakaba, Omulenzi abeerenga n'okumanya n'okuteesa:
- 5 Ow'amagezi awulire yeeyongerenga okuba n'okuyiga; Era omusajja alina okutegeera afune okuteesanga okutuufu.
- 6 Okutegeeranga olugero n'ekifaananyi; Ebigambo eby'abagezigezi n'ebikokko byabwe.
- 7 Mu kutya Mukama okumanya mwe kusookera: Naye abasirusiru banyooma amagezi n'okuyigirizibwanga.
- 8 Mwana wange, wulira okuyigirizanga kwa kitaawo, So tova mu tteeka lya nnyoko:
- 9 Kubanga binaabanga ngule ya kisa ku mutwe gwo, N'emikuufu egyetoolodde obulago bwo.
- 10 Mwana wange, abalina ebibi bwe bakusendasenda, Tokkirizanga.
- 11 Bwe boogera nti Jjangu tugende fenna, Tuteege omusaayi, Tugwire mu kyama ataliiko musango awatali nsonga;
- 12 Tubamire nga bakyali balamu ng'amagombe, Era nga bakyali balamba ng'abo abakka mu bunny;
- 13 Tuliraba ebintu byonna eby'omuwendo omungi. Tulijjuza ennyumba zaffe omunyago;
- 14 Oneekubira akalulu wamu naffe; Fenna tunaabanga n'ensawo emu:
- 15 Mwana wange, totambuliranga mu kkubo wamu nabo: Ziyizanga ekigere kyo okuyitanga mu lugendo lwabwe:
- 16 Kubanga ebigere byabwe bidduka mbiro okugoberera obubi, Era byanguwa okuyiwa omusaayi.
- 17 Kubanga bategera bwereere ekitimba, Ennyonyi yonna ng'ekiraba:
- 18 Era abo bateega omusaayi gwabwe bo, Bagwira mu kyama obulamu bwabwe bo.
- 19 Bwe gatyo bwe gabeera amakubo aga buli muntu eyeegomba amagoba; Gaggyawo obulamu bwa bannyini go.
- 20 Amagezi googerera waggulu mu luguudo; Galeeta eddoboosi lyago mu bifo ebigazi;
- 21 Googerera waggulu mu kifo ekikulu eky'okukuaaniramu; Awayingirirwa mu miryango, Mu kibuga mwe galeetera ebigambo byago:
- 22 Mmwe abatalina magezi, mulituusa wa okwagalanga obutaba na magezi? N'abanyooma okusanyukiranga okunyooma, N'abasirusiru okukyawanga okumanya?
- 23 Mukyuke olw'okunenya kwange: Laba, naafukanga omwoyo gwange gye muli, Naabamanyisanga ebigambo byange.
- 24 Kubanga mpise, mmwe ne mugaana; Ngolodde omukono gwange, so tewali muntu assizzaayo mwoyo;
- 25 Naye mujjuludde okuteesa kwange kwonna, So temwagadde kunenya kwange n'akatono:
- 26 Era nange ndisekera ku lunaku kwe mulirabira ennaku; Ndikudaala entiisa yammwe bw'erituuka;
- 27 Entiisa yammwe bw'erituuka ng'omuyaga, N'ennaku ze muliraba bwe zirijja ng'embuyaga ez'akazimu; Okweraliikirira n'obubalagaze bwe biribajjira.

- 28 Kale bwe balinkaabira, naye siriddamu; Balinnoonya nnyo, naye tebalindaba:
- 29 Kubanga baakyawanga okumanya, So tebeerobozanga kutya Mukama:
- 30 Tebaayagalanga kuteesa kwange n'akatono; Baanyoomanga okunenya kwange kwonna:
- 31 Kyebaliva balya ku bibala eby'ekkubo lyabwe bo, Ne bakkuta enkwe zaabwe bo.
- 32 Kubanga okudda ennyuma okw'abatalina magezi kulibatta, N'okulaba omukisa okw'abasirusiru kulibazikiriza.
- 33 Naye buli anaawuliranga nze anaabeeranga mirembe, Era anaatereeranga nga tewali kutya kabi.

Essuula 2

- 1 Mwana wange, bw'onokkirizanga ebigambo byange, N'oterekanga ebiragiro byange ewuwo;
- 2 N'okutega n'oteganga okutu kwo eri amagezi N'ossangayo omutima gwo eri okutegeera;
- 3 Weewaawo, bw'onookaabiranga okumanya, N'oliriranga okutegeera.
- 4 Bw'onooganoonyanga nga ffeeza, N'ogakenneenyanga ng'eby'obugagga ebyakwekebwa;
- 5 Kale lw'olitegeera okutya Mukama, N'ovumbula okumanya Katonda.
- 6 Kubanga Mukama awa amagezi; Mu kamwa ke mwe mifuluma okumanya n'okutegeera:
- 7 Aterekera abagolokofu amagezi amatuufu, Aba ngabo eri abo abatambulira mu butayonoona;
- 8 Alyoke akuume amakubo ag'omusango, Era awonye okutambula kw'abatukuvu be.
- 9 Kale lw'olitegeera obutuukirivu n'omusango, N'eby'ensonga, weewaawo buli kkubo eddungi.
- 10 Kubanga amagezi ganaayingiranga mu mutima gwo, N'okumanya kunaawoomeranga emmeeme yo;
- 11 Okuteesa kunaakulabiriranga. Okutegeera kunaakukuumanga:
- 12 Okukuwonyanga mu kkubo ery'obubi, Eri abasajja aboogera eby'ekyejo;
- 13 Abaleka amakubo ag'obugolokofu, Okutambuliranga mu makubo ag'ekizikiza;
- 14 Abasanyuka okukola obubi, N'ekyejo eky'omubi kye kibawoomera;
- 15 Amakubo gaabwe makyamukyamu, N'okugenda kwabwe kwenyoolanyoola:
- 16 Okukuwonyanga eri omukazi omugenyi, Eri omugenyi anyumiriza n'ebigambo bye;
- 17 Aleka omukwano ogw'omu buto bwe, Ne yeerabira endagaano ya Katonda we:
- 18 Kubanga ennyumba ye etwala mu kufa, N'amakubo ge eri abafu:
- 19 Tewali abagenda gy'ali abadda nate, So tebatuuka mu makubo ag'obulamu:
- 20 Olyoke otambulirenga mu kkubo ery'abasajja abalungi, N'okwata empenda ez'abatuukirivu.
- 21 Kubanga abagolokofu banaabeeranga mu nsi, N'abo abatuukirira balisigala omwo.
- 22 Naye ababi balimalibwawo okuva mu nsi, N'abo abasala enkwe balisimbulirwamu ddala.

Essuula 3

- 1 Mwana wange, teweerabiranga tteeka lyange; Naye omutima gwo gukwatenga ebiragiro byange;
- 2 Kubanga ennaku ennyingi n'emyaka egy'okuwangaala N'emirembe bye birikwongerwako.

- 3 Okusaasira n'amazima tebikulekanga: Bisibenga mu bulago bwo; Biwandiikenga ku bipande eby'omutima gwo:
- 4 Bw'onoolabanga bw'otyo okuganja n'okutegeera okulungi Mu maaso ga Katonda n'ag'abantu.
- 5 Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna. So teweessigamanga ku kutegeera kwo ggwe:
- 6 Mwatulenga mu makubo go gonna, Kale anaaluamyanga olugendo lwo.
- 7 Tobanga na magezi mu maaso go ggwe; Tyanga Mukama ove mu bubi:
- 8 Ekyo kye kinaabanga obulamu eri ekkundi lyo, N'obusomyo eri amagumba go.
- 9 Ossangamu ekitiibwa Mukama n'ebintu byo, N'ebibereberye ku bibala byo byonna:
- 10 Amawanika go bwe ganajjulanga bwe gatyo ekyengera, N'amasogolero go ganaayikikanga omwenge omusu.
- 11 Mwana wange, tonyoomanga kubuulirira kwa Mukama; So n'okunenya kwe kulemenga okukukooya:
- 12 Kubanga Mukama gw'ayagala gw'anenya; Era nga kitaawe omwana we gw'asanyukira.
- 13 Aweereddwa omukisa omuntu alaba amagezi. N'oyo afuna okutegeera.
- 14 Kubanga obuguzi bwago businga obuguzi obwa ffeeza, N'amagoba gaago gakira zaabu ennungi.
- 15 Ga muwendo mungi okusinga amayinja amatwakaavu: So tewali kintu ky'oyinza okwegomba ebyenkanyankanyizibwa nago.
- 16 Okuwangaala kuli mu mukono gwago ogwa ddyo; Mu mukono gwago ogwa kkono mulimu obugagga n'ekitiibwa.
- 17 Amakubo gaago makubo ga kusanyukiramu, N'eendo zaago zonna mirembe.
- 18 Ago gwe muti ogw'obulamu eri abo abagakwata: Era alina omukisa buli muntu abeera nago.
- 19 Mukama yassaawo emisingi gy'ensi n'amagezi; Yanyweza eggulu n'okutegeera.
- 20 Ennyanja yayabika n'okumanya kwe, Eggulu ne litonnya omusulo.
- 21 Mwana wange, ebyo tebivanga ku maaso go; Kwatanga amagezi amatuufu n'okuteesa;
- 22 Bwe binaabanga bwe bityo obulamu eri emmeeme yo, N'obuyonjo eri obulago bwo.
- 23 Awo lw'olitambulira mu kkubo lyo mirembe, So n'ekigere kyo tekiryessitala.
- 24 Bw'onoogalamiranga tootyenga: Weewaawo, onoogalamiranga n'otulo two tunaakuwoomeranga.
- 25 Totyanga ntiisa gy'otomanyiridde, Newakubadde okuzikiriza okw'ababi bwe kujjanga:
- 26 Kubanga Mukama ye anaabanga obwesige bwo, Era ye anaakuumanga ekigere kyo olemenga okuwambibwa
- 27 Tommanga birungi abo abagwanira, Bwe kiri mu buyinza bw'omukono gwo okubikola.
- 28 Togambanga muliraanwa wo nti Genda okomewo, Enkya ndikuwa; Bwe kiri naawe.
- 29 Tosaliranga munno bubi, Kubanga abeera gy'oli mirembe
- 30 Toyombanga na muntu awatali nsonga, Oba nga taliiko bubi bw'akukoze.
- 31 Tokwatirwanga buggya omusajja ow'amawaggali, So teweeroozanga makubo ge gonna.
- 32 Kubanga omukyamu wa muzizo eri Mukama: Naye ekyama kye kiri n'abagolokofu.
- 33 Ekikolimo kya Mukama kiri mu nnyumba ey'omubi: Naye awa omukisa ekifo abatuukirivu mwe babeera.
- 34 Mazima anyooma abanyoomi, Naye awa abeetoowaza ekisa.
- 35 Ab'amagezi balisikira ekitiibwa: Naye ensonyi ze ziriba okukuzibwa okw'abasirusiru.

Essuula 4

- 1 Baana bange, muwulirenga okuyigiriza kwa kitammwe, Mutegenga amatu okumanya okutegeera:
- 2 Kubanga mbawa okuyiga okulungi; Temuvanga mu tteka lyange.
- 3 Kubanga nali mwana eri kitange, Omugonvu era eyayagalibwanga nzekka mu maaso ga mmange.
- 4 Era yanjigirizanga n'aamba nti Omutima gwo gunywezenga ebigambo byange; Kwatanga ebiragiro byange obeerenga omulamu:
- 5 Funa amagezi, funa okutegeera; Togeerabiranga so tovanga mu bigambo eby'omu kamwa kange:
- 6 Togalekanga, nago ganaakuumanga; Ogaagalanga nago ganaakulindanga.
- 7 Amagezi kye kigambo ekisinga obukulu; kale funa amagezi: Weewaawo funanga okutegeera n'ebyo byonna bye wafunanga.
- 8 Gagulumizenga nago galikukuza: Galikutuusa mu kitiibwa, bw'onoogawambaatiranga.
- 9 Galiwa omutwe gwo engule ey'obuyonjo: Galikugabira enkuufira ey'obulungi.
- 10 Ai mwana wange, wulira okkirizenga ebigambo byange; N'emyaka egy'obulamu bwo giriba mingi.
- 11 Naakuyigiriza ekkubo ery'amagezi; Naakuluamya mu makubo ag'obugolokofu.
- 12 Bw'onootambulanga ebigere byo tebiifundikirwenga; Era bw'onoddukanga teweesitalenga.
- 13 Nywerezanga ddala okuyigirizibwa; tokutanga: Kukwatenga; kubanga bwe bulamu bwo.
- 14 Toyingiranga mu kkubo ery'ababi, So totambuliranga mu lugendo olw'abasajja ababi.
- 15 Olwesambanga, toluyitangako; Okyukanga okuluvaamu, weeyongerenga mu maaso.
- 16 Kubanga tebeebaka wabula nga bamaze okukola akabi; N'otulo tubaggibwako wabula nga baliko be bagwisizza.
- 17 Kubanga balya emmere ey'obubi, Ne banywa omwenge ogw'okugira ekyejo.
- 18 Naye ekkubo ery'abatuukirivu lirianga omusana ogwakayakana, Ogweyongerayongera okwaka okutuusa obudde lwe butuukirira.
- 19 Ekkubo ery'ababi lirianga ekizikiza: Tebamanyi ekibeesittaza.
- 20 Mwana wange, ssangayo omwoyo eri ebigambo byange; Teganga okutu eri okwogera kwange.
- 21 Tebivanga ku maaso go; Bikuumirenga wakati mu mutima gwo.
- 22 Kubanga ebyo bwe bulamu eri abo ababiraba, Era kwe kulama eri omubiri gwabwe gwonna.
- 23 Onyiikiranga nnyo nnyini okukuumanga omutima gwo; Kubanga omwo mwe muva ensulo ez'obulamu.
- 24 Weggyengako akamwa akabambaavu, N'emimwa emikyamu ogyewalanga nnyo.
- 25 Amaaso go galuamirenga ddala, N'ebikowe byo bitunuulirenga ddala emberi yo.
- 26 Tereezanga ekkubo ery'ebigere byo, Era amagenda go gonna ganywerenga.
- 27 Tokyamiranga ku mukono ogwa ddyo newakubadde ku gwa kkono: Ggyawo ekigere kyo obutakola bubu.

Essuula 5

- 1 Mwana wange, ssangayo omwoyo eri amagezi gange; Teganga okutu eri okutegeera kwange:
- 2 Olyoke okuumenga okuteesa, N'emimwa gyo gikwatenga okumanya.

- 3 Kubanga emimwa gy'omukazi omugenyi gitonnya omubisi gw'enjuki, N'akamwa ke kasinga amafuta obugonvu:
- 4 Naye enkomerero ey'oluvannyuma ekaawa ng'omususa, Esala ng'ekitala eky'obwogi obubiri.
- 5 Ebigere bye bikka mu kufa; Ebisinde bye bikwata amagombe;
- 6 N'okulaba talaba kkubo ttereve ery'obulamu: Amakubo ge gasagaasagana, so takimanyi.
- 7 Kale nno, baana bange, mumpulirenga, So temuvanga mu bigambo eby'omu kamwa kange.
- 8 Ekkubo lyo limwesambire ddala, So tosebereranga luggi lwa nnyumba ye:
- 9 Olemenga okuwa abalala ekitiibwa kyo, N'emyaka gyo eri omukambwe.
- 10 Abagenyi balemenga okukkuta amaanyi go; N'emirimu gyo giremenga okubeera mu nnyumba y'omunnaggwanga;
- 11 Naawe n'onakuwala enkomerero yo ng'etuuse Ennyama yo n'omubiri gwo bwe birimalibwawo,
- 12 N'oyogera nti Nga nakyawanga okuyigirizibwa, Omutima gwange ne gunyoomanga okunyenyezebwa;
- 13 So saagonderanga ddooboozi lya bayigiriza bange, So saateganga kutu kwange eri abo abanjigirizanga!
- 14 Nabulako katono okuba mu bubi bwonna Wakati mu kkuaaniro n'ekibiina.
- 15 Onyweranga amazzi mu kidiba kyo ggwe, N'amazzi agakulukuta mu luzzi lwo ggwe.
- 16 Ensulo zo zandisaasaanidde ddala, Emigga egy'amazzi ne giba mu nguudo?
- 17 Gabeereranga ddala gago wekka, So si ga bagenyi wamu naawe.
- 18 Ensulo yo ebeerenga n'omukisa; Era sanyukiranga omukazi ow'omu buvubuka bwo.
- 19 Ng'ennangaazi ekwagala n'empeewo ekusanyusa, Amabeere ge gakumalenga mu biro byonna; Era osanyukirenga bulijjo okwagala kwe.
- 20 Kubanga lwaki ggwe okusanyukiranga omukazi omugenyi, mwana wange, N'ogwa mu kifuba ky'atali wuwo?
- 21 Kubanga amakubo g'abantu gali mu maaso ga Mukama, Era atereeza eendo ze zonna.
- 22 Obutali butuukirivu bwe ye bulikwata omubi, Era alisibibwa n'emigwa egy'okwonoona kwe,
- 23 Alifa olw'okubulwa okuyigirizibwa; Era olw'obusirusiru bwe obungi aliwaba.

Essuula 6

- 1 Mwana wange, oba nga weyimirira muliraanwa wo, N'okubira omugenyi mu ngalo,
- 2 Ebigambo eby'omu kamwa ko bikukwasizza, Ebigambo eby'omu kamwa ko bikuteze.
- 3 Kale nno, mwana wange, kola kino weerokole, Kubanga ogudde mu mukono gwa muliraanwa wo; Genda weetoowaze otayirire muliraanwa wo.
- 4 Toganyanga maaso go kwebaka Newakubadde ebikowe byo okubongoota.
- 5 Weerokole ng'empeewo bw'eva mu mukono gw'omuyizzi, Era ng'ennyonyi bw'eva mu mukono gw'omutezi.
- 6 Genda eri enkooloto, ggwe omugayaavu; Lowooza empisa zaayo obeerenga n'amagezi:
- 7 Eyo terina mwami, Newakubadde omulabirizi newakubadde afuga,
- 8 Naye ne yeeterekerwa ebyayo ebyokulya mu biro eby'okukunguliramu, N'ekuaanya emmere yaayo mu mwaka.
- 9 Olituusa wa okwebakanga, ggwe omugayaavu? Oligolokoka ddi mu tulo two?
- 10 Wakyaliwo okwebaka okutono n'okubongoota okutono, N'okufunya emikono okutono

okwebaka:

- 11 Bwe kityo obwavu bwo bulijja ng'omunyazi, N'okwetaaga kwo ng'omusajja akutte ebyokulwanyisa.
- 12 Omuntu ataliiko ky'agasa, omusajja ow'obutali butuukirivu; Atambula ng'alina akamwa akabambaavu;
- 13 Atemya amaaso, ayogeza bigere bye, Abagula n'engalo ze;
- 14 Obubambaavu buli mu mutima gwe, asala obubi olutata; Asiga okukyawagana nga tamanyiridde;
- 15 Ennaku z'aliraba kyeziriva zijja nga tamanyiridde; Amangu ago alimenyeka, awatali kuwonyezebwa.
- 16 Waliwo ebigambo mukaaga Mukama by'akyawa; Weewaawo, musanvu bya muzizo gy'ali:
- 17 Amaaso ag'amalala, olulimi olulimba, N'engalo eziyiwa omusaayi ogutaliiko musango;
- 18 Omutima oguyunja ebirowoozo ebibi, Ebigere ebyanguwa embiro okugoberera ettima;

- 19 Omujulirwa w'obulimba ayogera eby'obulimba, N'oyo asiga okukyawagana mu b'oluganda.
- 20 Mwana wange, okwatanga ekiragiyo kya kitaawo, So tolekanga tteeka lya nnyoko:
- 21 Bisibenga ennaku zonna ku mutima gwo, Binywezenga mu bulago bwo.
- 22 Bw'onootambulanga, linaakukulemberanga; Bw'oneebakanga, linaakukuumanga: Era bw'onoozuukukanga, linaayogeranga naawe.
- 23 Kubanga etteeka ttabaaza; ekiragiyo musana; N'okunyenya kw'oyo akuyigiriza lye kkubo ery'obulamu:
- 24 Okukuumanga eri omukazi omubi, Eri okunyumiriza kw'olulimi lw'omugenyi.
- 25 Teweegombanga bulungi bwe mu mutima gwo; So n'ebikowe bye biremenga okukuk-wasa.
- 26 Kubanga olw'omukazi omwenzi omuntu afuuka mmere bumere: N'omukazi omwenzi ayigga obulamu obw'omuwendo omungi.
- 27 Omuntu ayinza okuwambaatira omuliro mu kifuba kye, Ebyambalo bye ne bitaggya?
- 28 Oba omuntu ayinza okutambulira ku manda agookya, Ebigere bye ne bitasiriira?
- 29 Bw'atyo bw'abeera ayingira eri omukazi wa munne; Buli amukomako talirema kubonerezebwa.
- 30 Abantu tebanyooma mubbi oba ng'abba Okukkusa emmeeme ye ng'alumiddwa enjala:
- 31 Naye bw'anaalabikanga, anaagattanga emirundi musanvu; Anaawangayo ebintu byonna eby'omu nnyumba ye.
- 32 Ayenda ku mukazi talina kutegeera: Ayagala okuzikiriza obulamu bwe ye ye akola bw'atyo.
- 33 Alifuna ebiwundu n'okunyoomebwa; N'ekivume kye tekirisangulibwa.
- 34 Kubanga obuggya kye kiruyi ky'omusajja; So talisaasira ku lunaku olw'okuwalanirako eggwanga.
- 35 Talissaayo mwoyo eri ekinunulo kyonna; So talinyiigulukuka newakubadde ng'owa ebirabo ebingi.

Essuula 7

- 1 Mwana wange, okwatanga ebigambo byange, Oterekanga ebiragiyo byange ewuwo.
- 2 Okwatanga ebiragiyo byange obeerenga omulamu; N'etteeka lyanze ng'emmunye ey'eriiso lyo.

- 3 Bisibenga ku mukono gwo; Biwandiikenga ku bipande eby'omutima gwo.
- 4 Gambanga amagezi nti Ggwe mwannyinaze; Oyitenga okutegeera ow'ekika kyammwe:
- 5 Bikuumenga eri omukazi omugenyi, Eri omugenyi anyumiriza n'ebigambo bye.
- 6 Kubanga nalingiza mu ddirisa ery'ennyumba yange Mu mulimu omuluke ogw'omu ddirisa;
- 7 Ne ndaba mu batalina magezi, Ne ntegereza mu balenzi, Omuvubuka atalina kutegeera,
- 8 Ng'ayita mu luguudo kumpi ku mugguukiro gwe, N'agenda mu kkubo eridda mu nnyumba ye;
- 9 Mu kizikiza, obudde nga buwungedde; Mu kizikiza eky'ekiro zigizigi.
- 10 Kale, laba, ne wamusisinkana omukazi Ng'ayambadde ebyambalo eby'omwenzi, era ow'omutima omugerengetanya.
- 11 Muyombi era mukakanyavu; Ebigere bye tebibeera mu nnyumba ye:
- 12 Oluusi aba mu nguudo, oluusi mu bifo ebigazi, Era ategera ku buli mugguukiro.
- 13 Awo n'amukwata n'amunyewegera, N'amugamba ng'amusimbye amaaso nti
- 14 Ssaddaaka ez'ebiwebwayo olw'emirembe ziri wange; Leero mmaze okusasula obweyamo bwange.
- 15 Kyenvudde nfuluma okukusisinkana, Okunyiikira okunoonya amaaso go, era nkula-bye.
- 16 Njaze ekitanda kyange n'amagodooli, N'engoye ez'amakuubo eza ppamba w'e Misiri.
- 17 Mpunyisizza bulungi ekiriri kyange N'obubaane n'omugavu n'eby'akaloosa.
- 18 Jjangu tukute okwagala okukeesa obudde; Twesanyuse n'okwagala.
- 19 Kubanga baze tali ka, Yatambula lugendo lwa wala:
- 20 Yagenda ng'atwala ensawo eya ffeeza; Alikomawo omwezi nga gwa ggabogabo.
- 21 Amukkirizisa n'ebigambo bye ebirungi bingi, Amuwaliriza okugenda n'okwegonza okw'emimwa gye.
- 22 Amangu ago agenda amugobeberera, Ng'ente bw'agenda okusalibwa, Oba ng'amasamba bwe gagenda okukangavvula omusirusiru;
- 23 Okutuusa akasaale lwe kalifumita ekibumba kye; Ng'ennyonyi bw'eyanguwa okugwa mu kyambika, So tamanyi ng'alifirwa obulamu bwe.
- 24 Kale nno, baana bange, mumpulirenga, Era mussengayo omwoyo eri ebigambo eby'omu kamwa kange.
- 25 Omutima gwo tegukyamiranga mu makubo ge, Towabiranga mu mpenda ze.
- 26 Kubanga yasuula bangi nga bafumitiddwa ebiwundu: Weewaawo, ababe abattibwa ggye ddene.
- 27 Ennyumba ye lye kkubo lyennyini eridda mu magombe. Nga likka mu bisenge eby'okufa.

Essuula 8

- 1 Amagezi tegoojerera waggulu N'okutegeera tekuleeta ddooboozi lyakwo?
- 2 Enguudo we zisibuka mu kkubo Mu masaanzira we gayimirira;
- 3 Ku mabbali g'emiryango awayingirirwa mu kibuga, Abantu we bayingirira awali enzigi googerera waggulu:
- 4 Mmwe abasajja, mbakoowoola; N'eddoboozi lyange liri eri abaana b'abantu.
- 5 Mmwe abatalina magezi, mutegeerenga obukabakaba; Nammwe, abasirusiru, mubeerenga n'omutima ogutegeera.
- 6 Muwulire, kubanga naayogera ebigambo ebirungi ennyo; N'okwasama emimwa

- gyange kunaavaamu eby'ensonga.
- 7 Kubanga akamwa kange kanaayogera eby'amazima; N'obubi bwa muzizo eri emimwa gyange.
 - 8 Ebigambo byonna eby'omu kamwa kange biri mu butuukirivu; Mu byo temuli kintu ekikyamakyama newakubadde ekyenyodde.
 - 9 Byonna byangu eri oyo ategeera, Era bya nsonga eri abo abalaba okumanya.
 - 10 Mukkirize okuyigiriza kwange so si ffeeza; N'okumanya okukira zaabu ennonde.
 - 11 Kubanga amagezi gasinga amayinja amatwakaavu; N'ebintu byonna ebizinzika okwegombebwa tebyenkanyankanyizibwa nago.
 - 12 Nze amagezi nfudde obukabakaba okuba ennyumba yange Era nnoonya okumanya n'okuteesa.
 - 13 Okutya Mukama kwe kukyawa obubi; Amalala n'essukuti n'ekkubo ebbi N'akamwa akabambaavu bye nkyawa.
 - 14 Okuteesa kwange n'okumanya okutuufu: Nze ndi kutegeera; nnina amaanyi.
 - 15 Ku bwange bakabaka bafuga, Abalangira ne bateeka eby'obutuukirivu.
 - 16 Ku bwange abalangira bafuga, N'abakungu, abalamuzi bonna ab'oku nsi:
 - 17 Njagala abo abanjagala; N'abo abanyikira okunnoonya balindaba.
 - 18 Obugagga n'ekitiibwa biri nange; Wewaawo, obugagga obw'enkalakkalira n'obutuukirivu.
 - 19 Ebibala byange bisinga zaabu obulungi, weewaawo, zaabu ennungi; N'amagoba gange gakira ffeeza ennonde.
 - 20 Ntambulira mu kkubo ery'obutuukirivu, Wakati mu mpenda ez'okusala emisango:
 - 21 Ndyoke mpe abo abanjagala okusikira ebintu, Era njijuze amawanika gaabwe.
 - 22 Mukama yali nange ekkubo lye we lyasookera, Okusooka emirimu gye egy'edda.
 - 23 Nateekebwawo okuva emirembe n'emirembe, okuva ku lubereberye, Ensi nga tennabaawo.
 - 24 Nga tewannabaawo buziba, nazaalibwa; Ensulo ezijjudde amazzi nga tezinnabaawo.
 - 25 Ensozi nga tezinnaba kussibwawo, Nasooka obusozi okuzaalibwa:
 - 26 Ye nga tannatonda nsi newakubadde ennimiro, Newakubadde enfuufu ey'ensi eyasooka.
 - 27 Bwe yanyweza eggulu, nze naliyo: Bwe yakulunga amaaso g'obuziba:
 - 28 Bwe yanyweza eggulu waggulu: Ensulo ez'ennyanja bwe zaafuuka ez'amaanyi: omubi yeetonnyezaako ebbala.
 - 29 Bwe yawa ennyanja ensalo yaayo, Amazzi galemenga okusobya ekiragiro kye: Bwe yalamba emisingi gy'ensi:
 - 30 Kale nze nga ndi awo gy'ali ng'omukoza: Era bulijjo yansanyukiranga, Nga njaguliza bulijjo mu maaso ge;
 - 31 Nga nsanyukira ensi ye ebeerekamu; N'essanyu lyange lyali n'abaana b'abantu.
 - 32 Kale nno, baana bange, mumpulirenga: Kubanga balina omukisa abakwata amakubogange.
 - 33 Muwulirenga okuyigirizibwa mubenga n'amagezi, So temugagaananga.
 - 34 Alina omukisa omuntu ampulira, Ng'atunuulira bulijjo ku nzigi zange, Ng'alinda awali emifuubeeto gy'enzigi zange.
 - 35 Kubanga buli alaba nze alaba bulamu, Era alifuna okuganja eri Mukama.
 - 36 Naye oyo annyonoona asobya obulamu bwe ye: Bonna abakyawa nze baagala okufa.

Essuula 9

- 1 Amagezi gazimbye ennyumba yaago, Gatemye empagi zaago musanvu:
- 2 Gasse ensolo zaago; gatabudde omwenge gwago; Era gategese emmeeza yaago.

- 3 Gasindise abawala baago, googerera waggulu. Ku bifo eby'omu kibuga ebisinga obugulumivu,
- 4 Nti Buli atalina magezi akyamire muno: Oyo abulwa okutegeera gamugamba nti
- 5 Mujje mulye ku mmere yange, Era munywe ku mwenge gwe ntabudde.
- 6 Mulekenga, mmwe abatalina magezi, mubeerenga abalamu; Era mutambulirenga mu kkubo ery'okutegeera.
- 7 Anenya omukudaazi yeeswaza: N'oyo abuulirira omubi yeetonnyezaako ebbala.
- 8 Tobuuliriranga mukudaazi aleme okukukyawa: Buuliriranga ow'amagezi, anaakwa-galanga.
- 9 Yigirizanga ow'amagezi, aneeyongeranga okuba n'amagezi: Yigirizanga omu-tuukirivu, aneeyongeranga okuyita.
- 10 Mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera: N'okumanya oyo Omutukuvu kwe kutegeera.
- 11 Kubanga ku bwange ennaku zo ziryongerwa, N'emyaka egy'obulamu bwo girisukki-rizibwa.
- 12 Oba nga olina amagezi, weebeera n'amagezi wekka: Era bw'onoonyoomanga, kuliba ku ggwe wekka.
- 13 Omukazi omusirisiru aleekaana; Talina magezi, so taliiko ky'amanyi.
- 14 Era atuula ku mulyango gw'ennyumba ye, Ku ntebe mu bifo eby'omu kibuga ebigulumivu,
- 15 Okuyita abo abayitawo, Abakwatira ddala amakubo gaabwe,
- 16 Nti Buli atalina magezi akyamire muno: N'oyo abulwa okutegeera amugamba nti
- 17 Amazzi amabbe ge gawooma, N'emmere eriirwa mu kyama ye esanyusa.
- 18 Naye tamanyi ng'abafu bali eyo: Ng'abagenyi be bali mu buziba bw'emagombe.

Essuula 10

- 1 Engero za Sulemaani. Omwana ow'amagezi asanyusa kitaawe: Naye omwana omusirisiru anakuwaza nnyina.
- 2 Obugagga obw'obubi tebuliiko kye bugasa: Naye obutuukirivu buwonya mu kufa.
- 3 Mukama taalekenga mmeeme ya mutuukirivu okufa enjala: Naye okwegomba kw'ababi akusindika eri.
- 4 Ayavuwala oyo akola n'omukono oguddiridde: Naye omukono gw'abanyiikivu guleeta obugagga.
- 5 Akungulira mu kyeya mwana wa magezi: Naye oyo eyeebakira mu biro eby'okukunguliramu ye mwana akwasa ensanyi.
- 6 Emikisa giba ku mutwe gw'omutuukirivu: Naye ekyejo kibikka ku kamwa k'ababi.
- 7 Ekijjukizo ky'omutuukirivu kirina omukisa: Naye erinnya ly'ababi lirivunda.
- 8 Alina omutima ogw'amagezi anakkirizanga ebiragi: Naye omubuyabuya aligwa.
- 9 Atambulira mu bugolokofu ye atambula emirembe: Naye akyamya amakubo ge alimanyibwa.
- 10 Atemya eriiso eleeta ennaku: Naye omusirisiru omubuyabuya aligwa.
- 11 Akamwa k'omutuukirivu nsulo ya bulamu: Naye ekyejo kibikka ku kamwa k'ababi.
- 12 Okukyawa kuleeta ennyombo: Naye okwagala kubikka ku byonoono byonna.
- 13 Mu mimwa gy'oyo alina okwawula mulabikamu amagezi: Naye omuggo gwa mabega g'oyo abulwa okutegeera.
- 14 Ab'amagezi batereka okumanya: Naye akamwa k'omusirisiru kwe kuzikirira okutavaawo.
- 15 Ebintu eby'omugagga kye kibuga kye eky'amaanyi: Abaavu okuzikirira kwabwe bwavu bwabwe.

- 16 Omulimu ogw'omutuukirivu guleeta bulamu; Ekyengera eky'omubi kireeta kwonoona.
- 17 Oyo ali mu kkubo ery'obulamu assaayo omwoyo eri okubuulirirwa: Naye oyo aleka okunenyzebwa akyama.
- 18 Oyo akisa okukyawa wa mimwa gya bulimba; N'oyo awaayiriza musirusiru.
- 19 Mu lufulube lw'ebigambo temubula kusobya: Naye oyo aziyiza emimwa gye akola eby'amagezi.
- 20 Olulimi lw'omutuukirivu ffeeza nnonde: Omutima gw'ababi tegugasa nnyo.
- 21 Emimwa gy'omutuukirivu giriisa bangi: Naye abasirusiru bafa olw'okubulwa okutegeera.
- 22 Omukisa gwa Mukama gwe gugaggawaza, So tagatta buyinike bwonna wamu nagwo.
- 23 Okukola obubi muzannyo gwa musirusiru: Era bwe gatyo amagezi bwe gabeera eri omuntu alina okutegeera.
- 24 Omubi ky'atya kirimujjira: N'ekyo abatuukirivu kye beegomba balikiweebwa.
- 25 Empewo ez'akazimu bwe ziyita, kale omubi nga takyaliwo: Naye omutuukirivu musingi gwa lubeerera.
- 26 Ng'omwenge omukaatuufu bwe gugira amannyo, era ng'omukka bwe gugira amaaso, N'omugayaavu bw'agira bw'atyo abo abamutuma.
- 27 Okutya Mukama kuwangaaza: Naye emyaka gy'ababi girisalibwako.
- 28 Essubi ery'abatuukirivu liriba ssanyu: Naye okusuubira kw'ababi kulizikirira.
- 29 Ekkubo lya Mukama kigo eri omugolokofu; Naye kuzikirira eri abo abakola ebitali bya butuukirivu.
- 30 Omutuukirivu tajjululwenga ennaku zonna: Naye ababi tebalibeera mu nsi.
- 31 Akamwa k'omutuukirivu kazaala amagazi: Naye olulimi olubambaavu lulimalibwawo.
- 32 Emimwa gy'omutuukirivu gigaanyi ebikikirizibwa: Naye omumwa gw'ababi gwogera bubambaavu.

Essuula 11

- 1 Eminzaani ey'obulimba ya muzizo eri Mukama: Naye ekipima ekituufu ky'asanyukira.
- 2 Amalala lwe gajja, lwe wajja n'ensonyi: Naye amagezi gaba n'abeetoowaza.
- 3 Obutayonoona obw'abagolokofu bulibaluamya: Naye obubambaavu bw'abo abasala enkwe bulibazikiriza.
- 4 Obugagga tebuliiko kye bugasa ku lunaku olw'obusungu: Naye obutuukirivu buwonya mu kufa.
- 5 Obutuukirivu bw'oyo eyatuukirira bunaaluamyanga ekkubo lye: Naye omubi aligwa olw'obubi bwe ye.
- 6 Obutuukirivu obw'abagolokofu bulibawonya: Abo abasala enkwe balikwasibwa n'ettima lyabwe bo.
- 7 Omuntu omubi bw'afanga, okusuubira kwe kuzikiriranga: N'essubi ery'obutali butuukikirivu libula.
- 8 Omutuukirivu awonyezebwa mu nnaku, Omubi n'adda mu kifo kye.
- 9 Atamanyi Katonda azikiriza munne n'akamwa ke: Naye abatuukirivu baliwonyezebwa olw'okumanya.
- 10 Abatuukirivu bwe balaba ebirungi, ekibuga kisanyuka: Era ababi bwe babula, wabaawo okuleekaana.
- 11 Omukisa ogw'abagolokofu gwe gugulumiza ekibuga: Naye akamwa k'ababi ke kakisuula.

- 12 Anyooma munne abulwa amagezi: Naye omuntu alina okutegeera asirika.
- 13 Atambulatabula ng'alyolyoma abikkula ebyama: Naye oyo alina omwoyo omwesigwa akisa ekigambo.
- 14 Okuluamya okw'amagezi nga kubuze, abantu bagwa: Naye mu bateesa ebigambo abangi mwe muli emirembe.
- 15 Eyeeyimirira oyo gw'atamanyi alibalagalwa: Naye akyawa obuyima anaabanga wa nkalakkalira.
- 16 Omukazi ow'ekisa aguguba n'ekitiibwa: N'abasajja ab'amawaggali baguguba n'obugagga.
- 17 Asaasira akola bulungi emmeeme ye ye: Naye omukambwe ateganya omubiri gwe ye.
- 18 Omubi afuna empeera emulimbimba: Naye oyo asiga obutuukirivu aba n'empeera ey'enkalakkalira.
- 19 Anywerera mu butuukirivu ye alituuka mu bulamu: N'oyo agoberera obubi yetta yekka.
- 20 Abo abalina omutima omukyamu ba muzizo eri Mukama: Naye abo abalina ekkubo eryatuukirira b'asanyukira.
- 21 Omukono newakubadde nga gwegatta n'omukono, omuntu omubi taliwona kubonerezebwa: Naye ezzadde ery'abatuukirivu liriwonyezebwa.
- 22 Ng'ekyobuyonjo ekya zaabu ekiri mu nnyindo y'embizzi, Bw'atyo bw'abeera omukazi omulungi atalina kuteesa.
- 23 Abatuukirivu kye beegomba birungi bisa: Naye ababi kye basuubira busungu.
- 24 Wabaawo asaasaanya ne yeeyongera nate okwala; Era wabaawo akodowala okusinga bwe kigwana, naye kireeta kwetaaga bwetaazi.
- 25 Emmeeme egabagaba eneegejjanga: N'oyo afukirira amazzi, naye alifukirirwa yennyini.
- 26 Amma eaano, abantu balimukolimira: Naye omukisa gunaabanga ku mutwe gw'oyo agitunda.
- 27 Anyiikira okunoonyanga ebirungi, anoonyanga n'okuganja: Naye akenneenya ettima, linaamujjiranga.
- 28 Eyeesiga obugagga bwe aligwa: Naye abatuukirivu banaayeranga ng'amalagala amabisi.
- 29 Ateganya ennyumba ye ye alisikira empewo: N'omusirisuru aliba muddu w'oyo alina omutima ogw'amagezi.
- 30 Ebibala by'omutuukirivu muti gwa bulamu: N'oyo alina amagezi afuna emmeeme z'abantu.
- 31 Laba, omutuukirivu aliweebwa empeera mu nsi: Omubi n'omwonoonyi tebalisinga nnyo?

Essuula 12

- 1 Ayagala okubuulirirwa ayagala okumanya: Naye oyo akyawa okunenyezebwa alianga ensolo.
- 2 Omuntu omulungi anaaweebwanga Mukama ekisa: Naye omuntu ow'enkwe embi alimusalira omusango okumusinga.
- 3 Omuntu taanywezebwenza lwa bubu: Naye emmizi gy'abatuukirivu tegijjululwenga ennaku zonna.
- 4 Omukazi eyeegendereza ngule eri bba: Naye aswaza kivundu mu magumba ge.
- 5 Ebirowoozo eby'abatuukirivu bya nsonga: Naye ababi bye bateesa bulimba.
- 6 Ebigambo eby'ababi bya kutega musaayi: Naye akamwa k'abagolokofu kalibawonya.
- 7 Ababi bameggebwa ne babula: Naye ennyumba ey'abatuukirivu eriyimirira.

- 8 Omuntu alisiimibwa ng'amagezi ge bwe gali: Naye oyo alina omutima omukyamu alinyoomebwa.
- 9 Oyo atayitibwa ka buntu, era alina omuddu, Asinga oyo eyessaamu ekitiibwa era abulwa eby'okulya.
- 10 Omuntu omutuukirivu alowooza obulamu bw'ensolo ye: Naye okusaasira kw'ababi kukambwe.
- 11 Alima ensi ye aliba n'emmere nnyingi: Naye agoberera abataliiko kye bagasa abulid-dwa okutegeera.
- 12 Omubi yeegomba ekitimba ky'abasajja ab'ekyejo: Naye ekikolo eky'abatuukirivu kibala ebibala.
- 13 Mu kusobywa kw'emimwa mulimu ekyambika eri omuntu ow'ekyejo:
- 14 Omuntu alikkuta ebirungi olw'ebibala eby'akamwa ke: N'ebikolwa eby'emikono gy'omuntu alibisasulibwa.
- 15 Ekkubo ery'omusirusiru ddungi mu maaso ge ye: Naye ow'amagezi awulira okuweer-erwa ebigambo.
- 16 Okweraliikirira kw'omusirusiru kumanyibwa mangu ago: Naye omuntu omutegeevu akisa ensanyi.
- 17 Ayatula eby'amazima ayolesa obutuukirivu, Naye omujulirwa ow'obulimba ayolesa obukuusa.
- 18 Wabaawo ayogera ng'ayanguyiriza ng'okufumita okw'ekitala: Naye olulimi lw'ab'amagezi kwe kulaama.
- 19 Omumwa ogw'amazima gunaanywezebanga emirembe gyonna: Naye olulimi olulimba lwa kaseera buseera.
- 20 Okudyeka kuli mu mitima gy'abo abateesa obubi: Naye abateesa emirembe baba n'essanyu.
- 21 Omutuukirivu talibaako kabi k'aliraba: Naye ab'ekyejo balikkuta obubi.
- 22 Emimwa egirimba gya muzizo eri Mukama: Naye abo abakola eby'amazima b'asanyukira.
- 23 Omuntu omutegeevu akisa okumanya: Naye omutima gw'abasirusiru gulaalika obusirusiru.
- 24 Omukono gw'abanyiikivu gulifuga: Naye omugayaavu balimukoza omulimu ogw'obuddu.
- 25 Ennaku bwe ziba mu mutima gw'omuntu zigukutamya; Naye ekigambo ekirungi kigusanyusa.
- 26 Omutuukirivu aba musaale eri munne: Naye ekkubo ery'ababi libawabya.
- 27 Omuntu omugayaavu tayokya ekyo ky'akutte ng'ayigga; Naye ebintu eby'omuwendo omungi eby'abantu biba bya munyiikivu.
- 28 Mu kkubo ery'obutuukirivu mwe muli obulamu; Ne mu luwenda lw'abo temuli kufa.

Essuula 13

- 1 Omwana ow'amagezi awulira okuyigiriza kwa kitaawe: Naye omunyoomi tawulira kunenyezebwa.
- 2 Omuntu anaalyanga ebirungi olw'ebibala eby'akamwa ke: Naye emmeeme ey'abasala enkwe eneeryanga kugirirwa kyejo.
- 3 Akuuma akamwa ke anyweza obulamu bwe: Naye ayasama ennyo akamwa ke aliba n'okuzikirira.
- 4 Emmeeme ey'omugayaavu yeegomba n'eteba na kintu: Naye emmeeme ey'abanyi-ikivu eneegejjanga.
- 5 Omuntu omutuukirivu akyawa obulimba: Naye omuntu omubi mugwagwa, era

akwatibwa ensonyi.

- 6 Obutuukirivu bukuuma oyo akwata ekkubo eggolokofu: Naye ekyejo kisuula oyo alina ebibi.
- 7 Wabaawo eyeegaggawaza, naye nga talina kintu: Wabaawo eyeeyavuwaza, naye ng'alina obugagga bungi.
- 8 Obugagga bwe bwe bununula obulamu bw'omuntu: Naye omwavu, tawulira kukanga kwonna.
- 9 Omusana ogw'abatuukirivu gusanyuka: Naye ettabaaza ey'ababi erizikizibwa.
- 10 Amalala galeeta okuwakana okwereere: Naye amagezi gaba n'abo abateesa obulungi.
- 11 Obugagga obufunibwa olw'ebigambo ebitaliimu bulikendeezebwa: Naye oyo akuaanya ng'akola emirimu aliba n'okwala.
- 12 Essubi erirwawo lisinduukiriza emmeeme: Naye ekyegombewa bwe kijja kiba muti gwa bulamu.
- 13 Buli anyooma ekigambo yeereetako okuzikirira: Naye oyo atya ekiragiro aliweebwa empeera.
- 14 Etteeka ery'omugezigezi nsulo ya bulamu, Okuva mu byambika eby'okufa.
- 15 Okutegeera okulungi kuleeta okuganja: Naye ekkubo ery'abasala enkwe bbi.
- 16 Buli muntu omutegeevu akola emirimu n'okumanya: Naye omusirusiru ayaliira obusirusiru.
- 17 Omubaka ow'ekyejo agwa mu bubu: Naye omutume omwesigwa kwe kulaama.
- 18 Obwavu n'ensonyi biriba by'oyo agaana okubuulirirwa: Naye assaayo omwoyo eri okuneenyezebwa alissibwamu ekitiibwa.
- 19 Ekyegombewa bwe kituukirira kiwoomera emmeeme: Naye okuva mu bubu kwa muzizo eri abasirusiru.
- 20 Otambulanga n'abantu ab'amagezi, naawe oliba n'amagezi: Naye munnaabwe w'abasirusiru alibalagalwa.
- 21 Obubi bugoberera abalina ebibi: Naye abatuukirivu balisasulibwa ebirungi.
- 22 Omuntu omulungi alekera obusika abaana b'abaana be: N'obugagga bw'oyo alina ebibi buterekerwa omutuukirivu.
- 23 Mu nnimiro ez'abaavu mulimu emmere nnyingi: Naye wabaawo azikirizibwa olw'obutagoberera nsonga.
- 24 Atakwata muggo gwe akyawa omwana we: Naye oyo amwagala amukangavvula ebiro nga bikyali.
- 25 Omutuukirivu alya, emmeeme ye n'ekkuta: Naye olubuto lw'ababi lulirumwa enjala.

Essuula 14

- 1 Buli mukazi ow'amagezi azimba ennyumba ye. Naye omusirusiru agyabya n'emikono gye ye.
- 2 Atambulira mu bugolokofu bwe atya Mukama: Naye akyamakyama mu makubo ge amunyooma.
- 3 Mu kamwa k'omusirusiru mulimu omuggo ogw'amalala: Naye emimwa gy'ab'amagezi ginaabakuumanga.
- 4 Eteri nte ekisibo kiba kirongoofu: Naye amaanyi g'ente galeeta okwala kungi.
- 5 Omujulirwa omwesigwa talimba: Naye omujulirwa ow'obulimba ayogera eby'okuwaayiriza.
- 6 Anyooma anoonya amagezi n'atagalaba: Naye okumanya kwangu eri oyo alina okutegeera.
- 7 Yingira mu masso g'omusirusiru, Toolabe ku ye mimwa gya kumanya.
- 8 Okutegeera ekkubo lye ge magezi g'omutegeevu: Naye abasirusiru obusirusiru

bwabwe kulimba.

- 9 Abasirusiru bakudaalira omusango: Naye mu bagolokofu mulimu ekisa.
- 10 Omutima gumanya okulumwa kwagwo; So n'omugenyi teyeetabula mu ssanyu lyagwo.
- 11 Ennyumba ey'ababi erisuulibwa: Naye eweema ey'abagolokofu eneebanga n'omukisa.
- 12 Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungu, Naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa.
- 13 Ne bwe guseka omutima gunakuwala; N'enkomerero y'okuseka buyinike.
- 14 Adda ennyuma mu mutima gwe alikkuta amakubo ge ye: N'omuntu omulungi alikkuta ye yennyini.
- 15 Atalina magezi akkiriza buli kigambo kyonna: Naye omuntu omutegeevu akebera nnyo amagenda ge.
- 16 Omuntu ow'amagezi atya n'ava mu bubu: Naye omusirusiru aba n'ettitimbuli, era yeeyinula.
- 17 Ayanguwa okusunguwala alikola eby'obusirusiru: N'omuntu asala enkwe embi akyay-ibwa.
- 18 Abatalina magezi basikira obusirusiru: Naye abategeevu bassibwako engule kwe kumanya.
- 19 Ababi bakutamira abalungi; N'ab'ekyejo awali emiryango egy'abatuukirivu.
- 20 Omwavu ne munne amukyawa: Naye omugagga alina emikwano mingi:
- 21 Anyooma munne ayonoona: Naye asaasira abaavu alina omukisa.
- 22 Abagunja obubi tebawaba? Naye okusaasirwa n'amazima binaabanga byabwe abagunja obulungi.
- 23 Omulimu gwonna guliko kye gugasa: Naye okubuyabuya kw'emimwa kwavuwaza bwavuwaza.
- 24 Obugagga bwabwe ye ngule ey'ab'amagezi: Naye obusirusiru bw'abasirusiru busirusiru bwereere.
- 25 Omujulirwa ow'amazima awonya emmeeme z'abantu: Naye aleeta eby'obulimba akyamya.
- 26 Mu kutya Mukama mulimu okuguma ennyo omwoyo: N'abaana be baliba n'obudukiro.
- 27 Okutya Mukama nsulo ya bulamu, Okuva mu byambika eby'okufa.
- 28 Mu lufulube lw'abantu mwe muli ekitiibwa kya kabaka: Naye okubulwa abantu kwe kuzikirira kw'omulangira:
- 29 Alwawo okusunguwala alina okutegeera kungi: Naye alina omwoyo ogwanguyiriza agulumiza obusirusiru.
- 30 Omutima omutuufu bwe bulamu obw'omubiri: Naye obuggya kwe kuvunda kw'amagumba.
- 31 Ajooga omwavu avuma Omutonzi we: Naye asaasira oyo eyeetaaga amussaamu ekitiibwa.
- 32 Omubi asindikibwa wansi mu kwonoona kwe: Naye omutuukirivu alina essuubi mu kufa kwe:
- 33 Amagezi gabeera mu mutima gw'oyo alina okutegeera: Naye ekiri ku kitundu eky'abasirusiru eky'omunda kimanyisibwa.
- 34 Obutuukirivu bugulumiza eggwanga; Naye ekibi kivumisa eggwanga lyonna.
- 35 Omuddu akola eby'amagezi ye aganja eri kabaka: Naye obusungu bwe bunaabanga eri oyo akwasa ensonyi.

Essuula 15

- 1 Okuddamu n'eggonjebwa kukyusa ekuruyi: Naye ekigambo eky'ekkeyu kisaanuula obusungu.
- 2 Olulimi lw'ab'amagezi lwogera okumanya nga bwe kisaana: Naye akamwa k'abasirusiru kayiwa obusirusiru.
- 3 Amaaso ga Mukama gaba mu buli kifo, Nga galabirira ababi n'abalungi.
- 4 Olulimi oluwonya muti gwa bulamu: Naye bwe luba n'obukyamu, omwoyo gumenyeka.
- 5 Omusirusiru anyooma okubuulirira kwa kitaawe: Naye oyo assaayo omwoyo eri okunenya afuna obutegeevu.
- 6 Mu nnyumba ey'omutuukirivu mubaamu obugagga bungi: Naye mu magoba ag'omubi mulimu okulaba ennaku.
- 7 Emimwa gy'ab'amagezi gibunya okumanya: Naye omutima gw'abasirusiru si bwe gukola.
- 8 Ssaddaaka ey'omubi ya muzizo eri Mukama: Naye okusaba kw'abagolokofu kw'asanyukira.
- 9 Ekkubo ery'omubi lya muzizo eri Mukama: Naye ayagala oyo agoberera obutuukirivu.

- 10 Waliwo okubuulirirwa okuzibu eri oyo aleka ekkubo lyennyini: Era oyo akyawa okunenyezebwa alifa.
- 11 Amagombe n'okuzikirira biri mu maaso ga Mukama: Kale emitima gy'abaana b'abantu tegisinga nnyo?
- 12 Omunyoomi tayagala kunenyezebwa: Tayagala kugenda eri ab'amagezi:
- 13 Omutima ogujaguza gusanyusa amaaso: Naye obuyinike obw'omutima bwe bumenya omwoyo.
- 14 Omutima gw'oyo alina okutegeera gunoonya okumanya: Naye akamwa k'abasirusiru emmere yaako busirusiru.
- 15 Ennaku zonna ez'abo ababonyaabonyezebwa mbi: Naye oyo alina omutima ogujaguza alya embaga etevaawo.
- 16 Akatono akaliko okutya Mukama Kasinga obugagga bungi obuliko obuyinike.
- 17 Amaluma awali okwagalaaa Gasinga ente eya ssava awali okukyawagana.
- 18 Omuntu ow'obusungu asaanuula oluyombo: Naye alwawo okusunguwala akkakkanya empaka.
- 19 Ekkubo ery'omugayaavu liri ng'olukomera olw'amaggwa: Naye oluwenda olw'abagolokofu lufuuka oluguudo.
- 20 Omwana ow'amagezi asanyusa kitaawe: Naye omuntu omusirusiru anyooma nnyina.
- 21 Obusirusiru buba ssanyu eri oyo atalina magezi: Naye omuntu alina okutegeera alu-anya amagenda ge.
- 22 Awatali magezi okuteesa kufa: Naye kunywerera mu lufulube lw'abo abateesa ebigambo.
- 23 Omuntu asanyukira okuddamu okw'omu kamwa ke: N'ekigambo ekijjira mu ntuuko zaakyo nga kirungi!
- 24 Eri ow'amagezi ekkubo ery'obulamu lyambuka waggulu, Alyoke ave mu magombe wansi.
- 25 Mukama alisimbula ennyumba ey'ab'amalala: Naye alinyweza ensalo ya nnamwandu.

- 26 Okusala enkwe embi kwa muzizo eri Mukama: Naye ebigambo ebisanyusa biba birongoofu.
- 27 Ayaayaanira amagoba ateganya ennyumba ye ye: Naye akyawa enguzi ye anaabanga

omulamu.

- 28 Omutima gw'omutuukirivu gufumiitiriza okwanukula: Naye akamwa k'ababi kafuka ebitasaana.
- 29 Mukama aba wala ababi: Naye awulira okusaba kw'abatuukirivu.
- 30 Omusana ogw'amaaso gusanyusa omutima: N'ebigambo ebirungi bigezza amagumba.
- 31 Okutu okuwulira okunonya okw'obulamu Kunaabeeranga mu b'amagezi.
- 32 Agaana okubuulirirwa anyooma emmeeme ye: Naye oyo awulira okunonya afuna okutegeera.
- 33 Okutya Mukama amagezi kwe gayigiriza; Era okwetoowaza kukulemba ekitiibwa.

Essuula 16

- 1 Okutegeka omutima kugwanira muntu: Naye okwanukula kw'olulimi kuva eri Mukama.
- 2 Amakubo gonna ag'omuntu gaba malongoofu mu maaso ge ye: Naye Mukama apima emyoyo.
- 3 Emirimu gyo giterese Mukama, N'ebirowoozo byo binaanywezebanga.
- 4 Mukama yakolera buli kintu omulimu gwakyo: Weewaawo, era n'ababi yabakolera olunaku olw'okulabirako ennaku.
- 5 Buli muntu alina omutima ogw'amalala wa muzizo eri Mukama: Omukono newakubadde nga gwegatta n'omukono, taliwona kubonerezebwa.
- 6 Okusaasira n'amazima bye birongoosa obutali butuukirivu: Era okutya Mukama kwe kuggya abantu mu bubu.
- 7 Amakubo ag'omuntu bwe gasanyusa Mukama, Atabaganya naye era n'abalabe be.
- 8 Akatono akaliko obutuukirivu Kakira amagoba mangi wamu n'ebitali bya nsonga.
- 9 Omutima gw'omuntu guteesa ekkubo lye: Naye Mukama ye aluamya ebigerere bye.
- 10 Obulaguzi bubu mu mimwa gya kabaka: Akamwa ke tekalisobya mu kusala omusango.
- 11 Ebigera n'eminzaani ebituufu biba bya Mukama: Ebipima byonna eby'omu nsawo mulimu gwe.
- 12 Okukola obubi kwa muzizo eri bakabaka: Kubanga obutuukirivu bwe bunyweza entebe.
- 13 Emimwa emituukirivu bakabaka gye basanyukira; Era baagala oyo ayogera eby'ensonga.
- 14 Obusungu bwa kabaka babaka ba kufa: Naye omuntu ow'amagezi alibukkakkanya.
- 15 Mu musana ogw'amaaso ga kabaka mwe muli obulamu; N'okuganza kwe kire kya mu ttoggo.
- 16 Okufuna amagezi nga kusinga nnyo okufuna zaabu! Weewaawo, okufuna okutegeera kulondebwa okukira ffeeza.
- 17 Olugendo olw'abagolokofu kuleka bubu: Akuuma ekkubo lye awonya emmeeme ye.
- 18 Amalala gakulemba okuzikirira, N'omwoyo ogwegulumiza gukulemba ekigwo.
- 19 Aba n'omwoyo ogwetoowaza wamu n'abaavu Akira agereka omunyago wamu n'ab'amalala.
- 20 Assaayo omwoyo eri ekigambo anaalabanga ebirungi: Era buli eyesiga Mukama alina omukisa.
- 21 Alina omutima ogw'amagezi banaamuyitanga mutegeevu: N'obuwoomerevu bw'emimwa bwongera okuyiga.
- 22 Okutegeera luzzi lwa bulamu eri nnyini kwo: Naye abasirusiru obusirusiru bwabwe bwe bubabuulirira.

- 23 Omutima gw'ow'amagezi guyigiriza akamwa ke, Ne gwongera okuyiga ku mimwa gye.
- 24 Ebigambo ebisanyusa bisenge bya njuki, Biwoomera emmeeme, era bwe bulamu eri amagumba.
- 25 Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, Naye enkomerero yaalyo makubo ga kufa.
- 26 Omululu gw'omukozi gumukolera emirimu. Kubanga akamwa ke kamwegayirira.
- 27 Omuntu ataliiko ky'agasa agunja ettima: Era mu mimwa gye mubaamu omuliro ogusonsomola.
- 28 Omuntu omubambaavu asiga empaka: Era omulyolyomi akyayisa ab'omukwano ennyo.
- 29 Omuntu ow'ekyejo asendasenda munne, N'amutwala mu kkubo eritali ddungi.
- 30 Aziba amaaso, kwe kuteesa ebigambo eby'obubambaavu: Aluma emimwa atuukiriza obubi.
- 31 Omutwe oguliko envi ngule ya kitiibwa, Gunaalabikanga mu kkubo ery'obutuukirivu.
- 32 Alwawo okusunguwala asinga ab'amaanyi; N'afuga omwoyo gwe akira amenya ekibuga.
- 33 Akalulu kasuulibwa mu lugoye olw'omu kifuba; Naye okulagira kwako kwonna kuva eri Mukama.

Essuula 17

- 1 Akamere akaluma awamu n'obutereevu Kakira ennyumba ejjudde embaga omuli okuyomba.
- 2 Omuddu akola eby'amagezi alifuga omwana akwasa ensonyi, Era aliba n'omugabo ogw'obusika mu b'oluganda.
- 3 Entamu erongoosa eba ya ffeeza, n'ekikoomi kya zaabu: Naye Mukama ye akema emitima.
- 4 Akola obubi assaayo omwoyo eri emimwa emibi; N'omulimba awulira olulimi olw'ettima.
- 5 Akudaalira omwavu avvoola Omutonzi we: N'oyo asanyukira obuyinike taliwona kubonerezebwa.
- 6 Abaana b'abaana ngule ya bakadde; N'abaana ekitiibwa kyabwe bakitaabwe.
- 7 Okwogera ebikulu tekusaanira musirusiru: Kale emimwa egirimba gisaanira gitya omulangira?
- 8 Ekirabo jjinja lya muwendo mungi mu maaso g'oyo ali nakyo: Gye kikyukira yonna kiraba omukisa.
- 9 Abikka ku kusobyana anoonya okwagala: Naye ayeeyereza ekigambo akyayisa ab'omukwano ennyo.
- 10 Okunyenya kuyingira nnyo mu nnyini kutegeera Okusinga emiggo kikumi bwe giyingira mu musirisuru.
- 11 Omuntu omubi anoonya bujeemu bwereere; Omubaka omukambwe kyaliva atumibwa okumukwata.
- 12 Eddubu enyagiddwako abaana baayo esisinkane n'omuntu, Aleme okusisinkana n'omusirusiru mu busirusiru bwe.
- 13 Asasula obubi olw'obulungi, Obubi tebuliva ku nnyumba ye.
- 14 Okutanula okuyomba kuli ng'omuntu bw'aggulira amazzi: Kale olekanga okuwakana nga tewannabaawo kuyomba.
- 15 Awa omubi obutuukirivu n'oyo asalira omutuukirivu okumusinga, Bombi benkana okuba ab'omuzizo eri Mukama.
- 16 Kiki ekibeesaawo omuwendo mu mukono gw'omusirusiru okugula amagezi, Nga

talina kutegeera?

- 17 Ow'omukwano ayagala mu biro byonna, Era ow'oluganda yazaalirwa obuyinike.
- 18 Omuntu abulwa okutegeera akuba mu ngalo, N'afuuka omuyima mu maaso ga munne.
- 19 Ayagala okuyomba ayagala okusobya: Agulumiza ennyo omulyango gwe anoonya okuzikirira.
- 20 Alina omutima omubambaavu taliiko bulungi bw'alaba: N'oyo alina olulimi olukyamu agwa mu bubu.
- 21 Azaala omusirusiru yeereetako obuyinike: Era kitaawe w'omusirusiru talina ssanyu.
- 22 Omutima ogujaguza ddagala ddungi: Naye omwoyo ogumenyese gukaza amagumba.
- 23 Omuntu omubi aggya enguzi mu kifuba, Okukyamyama amakubo ag'okusala omusango.
- 24 Amagezi gaba mu maaso g'oyo alina okutegeera: Naye amaaso g'omusirusiru gaba mu njuyi z'ensi ezikomererayo.
- 25 Omwana omusirusiru buyinike bwa kitaawe, Era bubalagaze bwa mukazi eyamuzaala.
- 26 Era okubonereza omutuukirivu si kulungi, Newakubadde okukuba abalungi ng'obalanga obugolokofu bwabwe,
- 27 Aziyiza ebigambo bye alina okumanya: N'oyo alina omwoyo ogw'emuzzi muntu mutegeevu.
- 28 Era n'omusirusiru bw'asirika bamuyita wa magezi: Bw'abuniza emimwa gye bamulwooza nga mutegeevu.

Essuula 18

- 1 Eyeeyawula anoonya kye yeegomba yekka, Era alalukira amagezi gona amatuufu.
- 2 Omusirusiru tasanyukira kutegeera, Naye omutima gwe gwebikkule bwebikkuzi.
- 3 Omubi bw'ajja, n'okunyooma kujja, Era awamu n'okuswazibwa ne wajja n'okuvumibwa.
- 4 Ebigambo eby'omukamwa k'omuntu mazzi ga buziba: Oluzzi olw'amagezi mugga ogukulukuta.
- 5 Okukkiriza amaaso g'omubi si kulungi, Newakubadde okugoba omutuukirivu bw'awoza.
- 6 Emimwa gy'omusirusiru giyingira mu nnyombo, Akamwa ke ne kasaba emiggo.
- 7 Akamwa k'omusirusiru kwe kuzikirira kwe, N'emimwa gye kye kyambika eky'emmeeme ye.
- 8 Ebigambo eby'omugeyi biri ng'ebiwundu, Era bikka mu bisenge eby'omu lubuto.
- 9 Era n'oyo atenguwa ng'akola emirimu Ye muganda w'oyo azikiriza.
- 10 Erinnya lya Mukama kigo kya maanyi: Omutuukirivu addukira omwo n'aba mirembe.
- 11 Omugagga obugagga bwe kye kibuga kye eky'amaanyi, Era bbugwe muwanvu mu kulwooza kwe ye.
- 12 Okuzikiriza nga tekunnabaawo omutima gw'omuntu gwegulumiza, Era okwetoowaza kukulemba ekitiibwa.
- 13 Addamu nga tannawulira, Busirusiru n'ensonyi gy'ali.
- 14 Omwoyo gw'omuntu gunaawaniriranga obunafu bwe; Naye omwoyo omumenyefu ani ayinza okugugumiikiriza?
- 15 Omutima gw'omutegeevu gufuna okumanya; N'okutu kw'ab'amagezi kunoonya okumanya.
- 16 Ekirabo eky'omuntu kimuseguliza, Era kimutuusa mu maaso g'abakulu.
- 17 Asooka okuwoza afaanana nga ye mutuukirivu; Naye munne n'ajja n'amukebera.
- 18 Akalulu kalekesaayo ennyombo, Era kalamula ab'amaanyi.
- 19 Ow'oluganda anyiize kizibu okumufuna okusinga ekibuga eky'amaanyi: Era

ennyombo eziri bwe zityo ziri ng'ebisiba eby'ekigo.

- 20 Olubuto lw'omuntu lulikkuta ebibala eby'akamwa ke; Ekyengera eky'omu mimwa gye kirimumala.
- 21 Okufa n'obulamu biba mu buyinza bw'olulimi; N'abo abalwagala balirya ebibala byalwo.
- 22 Alaba omukazi okumufumbirwa alaba ekirungi, Era afuna okuganja eri Mukama.
- 23 Omwavu yeegayirira: Naye omugagga addamu n'ebboggo.
- 24 Akwana emikwano emingi yeereetako okuzikirira: Naye waliwo ow'omukwano eyeegatta ennyo okusinga ow'oluganda.

Essuula 19

- 1 Omwavu atambulira mu butayonoona bwe Akira ow'emimwa emikyamu era omusirusiru.
- 2 Era emmeeme obutaba na kumanya si kirungi; N'oyo ayanguyiriza n'ebigere bye ayonoona.
- 3 Obusirusiru bw'omuntu bwe buvuunika ekkubo lye; N'omutima gwe gunyiigira Mukama.
- 4 Obugagga bwongera emikwano mingi: Naye omwavu akyawagana ne mukwano gwe.
- 5 Omujulirwa ow'obulimba taliwona kubonerezebwa; N'oyo ayogera eby'okudyeka talirokoka.
- 6 Bangi abalimusaba omugabagabanyi obuganzi: Era buli muntu aba mukwano gw'oyo awa ebirabo.
- 7 Omwavu baganda be bonna bamukyawa: Mikwano gye tebasinga nnyo kumwewala! Abayigganya n'ebigambo, naye nga bagenze.
- 8 Afuna amagezi ayagala emmeeme ye: Anyweza okutegeera aliraba ebirungi.
- 9 Omujulirwa ow'obulimba taliwona kubonerezebwa; Naye ayogera eby'obulimba alizikirira.
- 10 Okwekanasa tekusaanira musirusiru; Kale omuddu okufuga abalangira kusaana kutya?
- 11 Okuteesa kw'omuntu kwe kumulwisaawo okusunguwala; Era okusonyiwa ekyonoono kye kitiibwa kye.
- 12 Obusungu bwa kabaka buli ng'okuwuluguma kw'empologoma; Naye obuganzi bwe musulo ku ssubi.
- 13 Omwana omusirusiru nnaku za kitaawe: N'okuyomba kw'omukazi kwe kutonnya olutata.
- 14 Ennyumba n'obugagga bwe busika obuva eri bakitaabwe: Naye omukazi omutegeevu ava eri Mukama.
- 15 Obugayaavu buleeta otulo tungi; N'omuntu atakola mulimu alirumwa enjala.
- 16 Akuuma ekiragiro akuuma emmeeme ye: Naye atassaayo mwoyo eri amakubo ge alifa.
- 17 Asaasira omwavu awola Mukama, Era alimusasula nate ekikolwa kye ekirungi.
- 18 Kangavvulanga omwana wo, kubanga essubi weeriri; So teweegomba kuzikirira kwe.
- 19 Omuntu ow'ekiruyi ekingi aliriwa: Kubanga bw'olimuwonya kirigwanira okukola bw'otyote nate omulundi ogw'okubiri.
- 20 Wuliranga okuteesa, okkirizenga okuyigirizibwa, Obeere n'amagezi enkomerero yo ng'etuuse.
- 21 Mu mutima gw'omuntu mulimu okufumiitiriza kungi; Naye okuteesa kwa Mukama kwe kunaanyweranga.

- 22 Omuntu ekinwagaza kisa kye: N’omwavu akira omulimba.
- 23 Okutya Mukama kuleeta bulamu: N’oyo ali nakwo anaabeereranga awo nga kumu-
mala; Talijjirwa bubu.
- 24 Omugayaavu annyika omukono gwe mu kibya, So tayagala na kuguzza nate ku
kamwa ke.
- 25 Kuba omunyoomi, atalina magezi anaayiga obutegeevu: Era buulirira alina
okutegeera; era anaategeera okumanya.
- 26 Anyaga kitaawe n’agoba nnyina, Ye mwana akwasa ensonyi era aleeta ekivume.
- 27 Mwana wange, lekanga okuwulira okuyigirizibwa, Okuleeta okukyama obukyami
okuva mu bigambo eby’okumanya.
- 28 Omujulirwa ataaliiko ky’agasa akudaalira omusango: N’akamwa k’ababi kamira
obutali butuukirivu.
- 29 Emisango gyategekerwa abanyoomi, N’emiggo gyategekerwa amabega g’abasirusiru.

Essuula 20

- 1 Omwenge mukudaazi, ekitamiiza muleekaanyi; Era buli akyama olw’ebyo talina
magezi.
- 2 Entiisa ya kabaka kuwuluguma kwa mpologoma: Amusunguwaza ayonoona obulamu
bwe ye.
- 3 Omuntu eyeewala ennyombo yeefunira ekitiibwa: Naye buli musirusiru ayagala okuy-
ombanga.
- 4 Omugayaavu taganya kulima olwa ttoggo; Kyanaavanga asabiriza okukungula nga
kutuuse n’ataba na kintu.
- 5 Okuteesa okw’omu mutima gw’omuntu kuli ng’amazzi ag’omu luzzi oluwanvu; Naye
omuntu alina okutegeera alikusena.
- 6 Abantu bangi abalirangira buli muntu ekisa kye ye: Naye omuntu omwesigwa ani
ayinza okumulaba?
- 7 Omuntu omutuukirivu atambulira mu butayonoona bwe, Abaana be abaddawo balina
omukisa.
- 8 Kabaka atudde ku ntebe esalirwako emisango Asaasaanya obubi bwonna n’amaaso ge.
- 9 Ani ayinza okwogera nti Nnongoosezza omutima gwange, Ndi mulongoofu mu
kwonoona kwange?
- 10 Ebipima ebitenkana n’ebigera ebitenkana Byombi bya muzizo eri Mukama.
- 11 Era n’omwana omuto yeemanyisa olw’ebikolwa bye, Omulimu gwe oba nga mulon-
goofu, oba nga mulungi.
- 12 Okutu okuwulira, n’eriiso eriraba, Mukama ye yakola byombi.
- 13 Toyagalanga kwebaka oleme okutuuka mu bwavu; Zibulanga amaaso go, onokkutanga
emmere.
- 14 Tekiriiko kye kigasa, tekiriiko kye kigasa, bw’ayogera agula: Naye ng’amaze oku-
genda n’alyoka yeenyumiriza.
- 15 Waliwo zaabu n’amayinja amatwakaavu mangi nnyo: Naye emimwa egy’okumanya
kya buyonjo kya muwendo mungi.
- 16 Twalanga ekyambalo ky’oyo eyeeyimirira gw’atamanyi; Era obowenga oyo eyeey-
imirira b’atamanyi.
- 17 Emmere ey’obulimba ewoomera omuntu; Naye oluvannyuma akamwa ke kalijjula
omusenyu.
- 18 Buli kigambo ky’omalirira kinywezebwa na kuteesa: Era tabaalanga n’okukulem-
berwa okw’amagezi.

- 19 Atambulatabula ng'alyolyoma abikkula ebyama: Kale teweetabulanga n'oyo ayasama ennyo emimwa gye.
- 20 Akolimira kitaawe oba nnyina, Etabaaza ye erizikizibwa mu kizikiza ekikutte zigizigi.
- 21 Obusika buyinzika okufunibwa amangu olubereberye; Naye enkomerero yaabwo teriba na mukisa.
- 22 Toyogeranga nti Ndisasula obubi: Lindiriranga Mukama naye anaakuwonyanga.
- 23 Ebipima ebitenkana bya muzizo eri Mukama; Ne minzaani ey'obulimba si nnungi.
- 24 Amagenda g'omuntu gava eri Mukama; Kale nno omuntu ayinza atya okutegeera ekkubo lye?
- 25 Kyambika eri omuntu, okwogera ng'ayanguyiriza nti Kitukuvu, Awo ng'amaze okweyama n'alyoka abuuza.
- 26 Kabaka ow'amagezi awewa ababi, Era abaleetako nnamuziga ewuula.
- 27 Omwoyo gw'omuntu ye ttabaaza ya Mukama, Ekebera ebitundu byonna eby'olubuto eby'omunda.
- 28 Okusaasira n'amazima biwonya kabaka: Era okusaasira kwe kuwanirira entebe ye.
- 29 Abalenzi ekitiibwa kyabwe maanyi gaabwe: N'abakadde omutwe oguliko envi bwe bulungi bwabwe.
- 30 Emiggo egiruma gimalawo obubi: N'enga zituuka mu bitundu eby'olubuto eby'omunda.

Essuula 21

- 1 Omutima gwa kabaka guli mu mukono gwa Mukama ng'emigga: Agukyusa gy'ayagala yonna.
- 2 Buli kkubo ery'omuntu ddungi mu maaso ge ye: Naye Mukama ye apima emitima.
- 3 Okukola eby'ensonga n'eby'omusango Kukkirizibwa Mukama okusinga ssaddaaka.
- 4 Amaaso ageegulumiza n'omutima ogw'amalala, Ye ttabaaza ey'ababi, kwe kwonoona.
- 5 Ebirowoozo eby'omunyiikivu bireeta bungi bwereere Naye buli muntu ayanguyiriza ayanguya okwetaaga obwetaazi.
- 6 Okufuna obugagga n'olulimi olulimba Mukka ogutwalibwa eruuyi n'eruyi; ababunoonya banoonya okufa.
- 7 Ekyejo eky'ababi kiribamalawo; Kubanga bagaana okukola eby'ensonga.
- 8 Ekkubo ly'oyo eyeebinise omusango likyamakyama nnyo nnyini: Naye omulongoofu omulimu gwe mulungi.
- 9 Beeranga ku nnyumba waggulu awafunda Olemenga okubeera n'omukazi omuyombi mu nnyumba engazi.
- 10 Emmeeme y'omubi yeegomba obubi: Munne taganja n'akamu mu maaso ge.
- 11 Omunyoomi bw'abonerezebwa, atalina magezi agafuna: Era ow'amagezi bw'ayigirizibwa aweebwa okumanya.
- 12 Omuntu omutuukirivu alooowa ennyumba ey'omubi; Ababi bwe basuulibwa ne babula.
- 13 Aziba amatu ge omwavu bw'akaaba, Era naye alikaaba, naye taliwulirwa.
- 14 Ekirabo eky'omu kyama kikkakkanya obusungu, N'ekitone eky'omu kifuba kikkakkanya ekiruyi ekingi.
- 15 Okukolanga eby'ensonga ssanyu lya mutuukirivu. Naye kuzikirira eri abakola ebitali bya butuukirivu.
- 16 Omuntu awaba okuva mu kkubo ery'okutegeera Aliwummulira mu kkuaanero ery'abafu.

- 17 Ayagala essanyu anaabanga mwavu: Ayagala omwenge n'amafuta taabenga mugagga.
- 18 Omubi aba kinunulo kya mutuukirivu; N'oyo asala enkwe adda mu kifo ky'abagolokofu.
- 19 Beeranga mu nsi ey'eddungu Olemenga okubeera n'omukazi omuyombi anyiiganyiga.
- 20 Mu nnyumba ey'omutuukirivu mulimu obugagga obw'omuwendo omungi n'amafuta; Naye omusirusiru abumira.
- 21 Agoberera obutuukirivu n'okusaasira Alaba obulamu n'obutuukirivu n'ekitiibwa.
- 22 Omuntu ow'amagezi alinnya mu kibuga eky'ab'amaanyi, N'akkakkanya amaanyi ag'obugumu bwakyo.
- 23 Buli akuuma akamwa ke n'olulimi lwe Akuuma emmeeme ye obutalaba nnaku.
- 24 Omuntu ow'amalala eyeegulumiza, erinnya lye munyoomi, Akolera emirimu mu ttitimbuli ery'amalala.
- 25 Okwegomba okw'omugayaavu kumutta; Kubanga emikono gye gigaana okukola emirimu.
- 26 Wabaawo ayaayaana ennyo okuzibya obudde: Naye omutuukirivu awa n'atamma.
- 27 Ssaddaaka ey'ababi ya muzizo: Bw'agireeta n'emmeeme embi, tesinga nnyo kuba ya muzizo?
- 28 Omujulirwa ow'obulimba anaabulanga: Naye omuntu awulira anaayogeranga nga tewali amulimbulula.
- 29 Omuntu omubi akakanyaza amaaso ge: Naye omugolokofu aliraanya amakubo ge.
- 30 Tewali magezi newakubadde okutegeera Newakubadde okuteesa ku Mukama.
- 31 Embalaasi etegekera olunaku olw'olutalo. Naye okuwangula kuva eri Mukama.

Essuula 22

- 1 Erinnya eddungi lya kulondebwa okusinga obugagga obungi, N'okuganja n'okwagalwa okusinga ffeeza ne zaabu.
- 2 Omugagga n'omwavu baalabagana: Mukama ye yabatonda bonna.
- 3 Omuntu omutegeevu alaba akabi ne yeekweka: Naye abatalina magezi bayita buyisi ne bafirwa.
- 4 Obugagga n'ekitiibwa n'obulamu Ye mpeera ey'okwetoowazanga n'okutyanga Mukama.
- 5 Amaggwa n'ebyambika biri mu kkubo ery'omubambaavu: Akuuma emmeeme ye alibibeera wala.
- 6 Manyiiza omwana omuto mu kkubo erimugwanira okutambuliramu, Awo newakubadde nga mukadde talirivaamu.
- 7 Omugagga afuga abaavu, N'eyeewola aba muddu w'awola.
- 8 Asiga obutali butuukirivu alikungula obuyinike: N'omuggo ogw'obusungu bwe guligwaawo.
- 9 Alina eriiso erigabaagaba anaabanga n'omukisa; Kubanga awa omwavu ku mmere ye.
- 10 Gobanga omunyoomi, n'okuyomba kunaavangawo; Weewaawo, okuwakana n'okuswazibwa birikoma.
- 11 Ayagala omutima omulongoofu, Olw'ekisa eky'omu mimwa gye kabaka kyanaavanga abeera mukwano gwe.
- 12 Amaaso ga Mukama gakuuma oyo alina okumanya, Naye asuula ebigambo eby'omuntu asala enkwe.
- 13 Omugayaavu ayogera nti Empologoma eri bweru: N'attirwa mu nguudo.
- 14 Akamwa k'abakazi abagenyi bunnya buwanvu: Akyayibwa Mukama aligwa omwo.
- 15 Obusirusiru busibibwa mu mutima gw'omwana omuto; Naye omuggo ogukangavvula

gulibugobera wala okuva gy'ali.

- 16 Ajooga omwavu okwongera ku magoba ge, N'oyo agabira omugagga batuuka mu kwetaaga bwetaazi.
- 17 Tega okutu kwo owulire ebigambo eby'ab'amagezi, Era ssaayo omutima gwo eri okumanya kwange.
- 18 Kubanga kigambo kya ssanyu bw'obeera nabyo mu nda yo, Bwe binywerera wamu ku mimwa gyo.
- 19 Obwesige bwo bube eri Mukama, Kyenvudde nkubimanyisa leero ggwe.
- 20 Sikuwandiikidde birungi nnyo nnyini Eby'okuteesa n'ebby'okumanya;
- 21 Okukutegeeza ebigambo eby'amazima bwe bitabuusibwabuusibwa, Olyoke obaddize ebigambo eby'amazima abo abakutuma?
- 22 Tonyaganga mwavu kubanga mwavu, So tojooganga abonyaabonyezebwa mu mulyango:
- 23 Kubanga Mukama ye aliwoza ensonga yaabwe, Era abo ababanyaga alibanyagako obulamu.
- 24 Tokwananga muntu wa busungu: Togendanga na muntu ow'ekiryi:
- 25 Olemenga okuyiga amakubo ge, N'ofunira emmeeme yo ekyambika.
- 26 Tobanga ku muwendo gw'abo abakuba mu ngalo, Newakubadde ogw'abo abeey-imirira amabanja:
- 27 Oba nga tolina kya kusasula, Lwaki akuggirawo ekitanda kyo wansi wo?
- 28 Tojjululanga kabonero ka nsalo ak'edda, Bajjajjaabo ke baasimba.
- 29 Olaba omuntu anyiikira mu mulimu gwe? aliyimirira mu maaso ga bakabaka; Taliy-imirira mu maaso ga bakopi.

Essuula 23

- 1 Bw'otuulanga ku mmere wamu n'omukungu, Olowoolezanga ddala oyo ali mu maaso go;
- 2 Era weeteekenga akambe ku bulago bwo, Oba nga oli muntu muluvu.
- 3 Teweegombanga nva ze ennungi; Kubanga bye byokulya eby'obulimba.
- 4 Teweekooyanga okuba omugagga; Vanga ku magezi go ggwe.
- 5 Oneekalirizanga amaaso ku ekyo ekitaliwo? Kubanga mazima obugagga bwefunira ebiwaawaatiro, Ng'empungu ebuuka mu bbanga.
- 6 Tolyanga mmere y'oyo alina eriiso ebbi, So teweegombanga nva ze nnungi:
- 7 Kubanga nga bw'alowooza mu nda ye, bw'ali bw'atyo: Lya, nywa, bw'akugamba; Naye omutima gwe teguli wamu naawe.
- 8 Ennoga gy'olidde onoogisesema, N'ofirwa ebigambo byo ebirungi.
- 9 Toyogeranga omusirusiru ng'awulira; Kubanga anaanyooma amagezi ag'ebigambo byo.
- 10 Tojjululanga kabonero ka nsalo ak'edda; So toyingiranga mu nnimiro ez'abatalina bakitaabwe:
- 11 Kubanga omununuzi waabwe wa maanyi; Anaawozanga ensonga yaabwe naawe.
- 12 Ssangayo omutima gwo eri okuyigirizibwa, N'amatu go eri ebigambo eby'okumanya.
- 13 Tolekanga kubuulirira omwana: Kubanga bw'onoomukubanga n'omuggo, talifa.
- 14 Omukubanga n'omuggo, N'owonya emmeeme ye mu magombe.
- 15 Mwana wange, omutima gwo oba nga gwa magezi, Omutima gwange gunaasanyuka, ogwange:
- 16 Weewaawo, emmeeme yange eneesanyuka, Emimwa gyo bwe gyogera eby'ensonga.
- 17 Omutima gwo gulemenga okukwatirwa obuggya abalina ebibi: Naye obeerenga mu kutya Mukama okuzibya obudde:

- 18 Kubanga mazima empeera weeri; N'essuubi lyo teririmalibwawo.
- 19 Mwana wange, wulira obeerenga n'amagezi, Oluamyenga omutima gwo mu kkubo.
- 20 Tobanga ku muwendo gw'abo abeekamirira omwenge; Mu abo abeevuubiika ennyama:
- 21 Kubanga omutamiivu n'omuluvu balituuka mu bwavu N'okubongoota kunaayambazanga omuntu enziina.
- 22 Owuliranga kitaawo eyakuzaala, So tonyoomanga nnyoko ng'akaddiye.
- 23 Gulanga amazima, so togatundanga; Weewaawo, amagezi n'okuyigirizibwa n'okutegeera.
- 24 Kitaawe w'omutuukirivu anaasanyukanga nnyo: N'oyo azaala omwana ow'amagezi anaabanga n'essanyu.
- 25 Kitaawo ne nnyoko basanyukenga, N'omukazi eyakuzaala ajaguzenga.
- 26 Mwana wange, mpa omutima gwo, N'amaaso go gasanyukirenga amakubo gange.
- 27 Kubanga omukazi omwenzi lukonko luwanvu; N'omukazi omugenyi bunnya bwa kanyigo.
- 28 Weewaawo; atega ng'omunyazi, Era ayaza abasala enkwe mu bantu.
- 29 Ani alaba obuyinike? ani alaba ennaku? ani alina ennyombo? Ani alina okwemulungunya? ani alina ebiwundu eby'obwereere? Ani amyusa amaaso?
- 30 Abo abalwawo ku mwenge; Abo abagenda okunoonya omwenge omutabule.
- 31 Totunuuliranga mwenge nga gumyuse, Bwe gwolesanga ebbala lyagwo mu kikompe, Bwe gukka empola:
- 32 Enkomerero guluma ng'omusota, Gusonsomola ng'embalasaasa.
- 33 Amaaso go galiraba eby'ekitalo, N'omutima gwo gulyogera ebigambo eby'obubambaavu.
- 34 Weewaawo, oliba ng'oyo agalamira wakati mu nnyanja, Oba ng'oyo agalamira waggulu ku mulongooti.
- 35 Bankubye, bw'olyogera bw'otyo, ne ssirumwa; Bankubye, ne ssiwulira: Ndyebaka ddi? naagunoonya nate omulundi ogw'okubiri.

Essuula 24

- 1 Tokwatirwanga buggya abantu ababi, So teweeegombanga okuba awamu nabo:
- 2 Kubanga omutima gwabwe guteesa okujooga, N'emimwa gyabwe gyogera ku ttima.
- 3 Amagezi ge gazimbya ennyumba; N'okutegeera kwe kuginyweza:
- 4 N'okumanya kwe kujjuza ebisenge Obugagga bwonna obw'omuwendo omungi era obusanyusa.
- 5 Omuntu ow'amagezi aba wa maanyi; Weewaawo, omuntu alina okumanya ayongera obuyinza.
- 6 Kubanga olirwana olutalo lwo n'okuteesa okw'amagezi: Era mu bateesa ebigambo abangi mwe muli emirembe.
- 7 Amagezi magulumivu nnyo, galema omusirusiru: Tayasama kamwa ke mu mulyango.
- 8 Agunja okukola obubi, Abantu balimuyita omuntu ow'ettima.
- 9 Okulowooza kw'omusirusiru kwonoona: Era omunyoomi wa muzizo eri abantu.
- 10 Bw'ozirika ku lunaku olw'okulabirako obuyinike, Amaanyi go nga matono.
- 11 Obawonyanga abo abatwalibwa okuttibwa, N'abo abagenda okuttibwa obalekanga.
- 12 Bw'onooyogeranga nti Laba, tetwamanya kino: Oyo apima emitima takirowooza? N'oyo akuuma emmeeme yo takimaayi? Era talisasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli?
- 13 Mwana wange, olyanga omubisi gw'enjuki, kubanga mulungi; N'ebisenge byazo ebiwoomera amatama go.

- 14 Onoomanyanga ng'amagezi gawoomera bwe gatyo emmeeme yo: Oba ng'ogalabye, awo walibaawo empeera, N'essuubi lyo teririmalibwawo.
- 15 Toteegera ku nnyumba ya mutuukirivu, ggwe omuntu omubi; Tonyaga kifo ky'awummuliramu:
- 16 Kubanga omuntu omutuukirivu agwa emirundi musanvu n'ayimuka nate: Naye ababi obuyinike bubasuula.
- 17 Tosanyukanga omulabe wo bw'agwanga, So n'omutima gwo gulemenga okusanyuka bw'ameggebwanga:
- 18 Mukama alemenga okukiraba ne kimunyiiza, N'akyusa obusungu bwe okumuvaako.
- 19 Teweeraliikiriranga olw'abo abakola obubi; So tokwatirwanga buggya ababi:
- 20 Kubanga tewaliba mpeera eri omuntu omubi; Etabaaza ey'ababi erizikizibwa.
- 21 Mwana wange, otyanga Mukama ne kabaka: So teweetabulanga n'abo abaagala okujjululajjulula.
- 22 Kubanga obuyinike bwabwe buliyimuka nga tebamanyiridde; Era ani amanyi okuzikirira kwabwe bombi?
- 23 Era na bino bigambo bya bagezigezi. Okusosola mu bantu bw'osala emisango si kirungi.
- 24 Agamba omubi nti Ggwe mutuukirivu; Abantu banaamukolimiranga, amawanga ganaamutamwanga:
- 25 Naye abo abamunnya be baliba n'essaayu, N'omukisa omulungi gulibatuukako.
- 26 Addamu eby'ensonga Anywegera emimwa.
- 27 Teekateekanga omulimu gwo ebweru, Ogwetegekerenga mu nnimiro; Oluvannyuma n'olyoka ozimba ennyumba yo.
- 28 Tolumirizanga munno awatali asonga: So tolimbanga na mimwa gyo.
- 29 Toyogeranga nti Ndimukola nga ye bw'ankoze nze; Ndisasula omusajja oyo ng'omulimu gwe bwe gubadde.
- 30 Nayita ku nnimiro ey'omugayaavu, N'olusuku olw'emizabbibu lw'oyo atalina kutegeera;
- 31 Kale, laba, amaggwa nga galubunye lwonna, Omwennyango nga gubisse ku lwo kungulu, N'olukomera lwalwo olw'amayinja nga lusuuliddwa.
- 32 Awo ne ntunula ne ndowooza nnyo: Nalaba ne mpeebwa okuyigirizibwa.
- 33 Wakyaliiwo okwebaka kutono, okubongoota kutono, Okufunya engalo okwebaka kutono:
- 34 Bwe kityo obwavu bwo bulituuka ng'omunyazi; N'okwetaaga kwo ng'omusajja akutte ebyokulwanyisa.

Essuula 25

- 1 Era na zino ngero za Sulemaani, abasajja ba Keezeekiya kabaka wa Yuda ze baawandiika.
- 2 Okukisa ekigambo kitiibwa kya Katonda: Naye okukebera ekigambo kye kitiibwa kya bakabaka.
- 3 Eggulu nga bwe ligenda ennyo waggulu, n'ensi nga bw'egenda ennyo wansi. N'omutima gwa bakabaka tegunonyezeka.
- 4 Ggyangamu amasengere mu ffeeza, Ne muvaamu ekibya eky'omulongoosa:
- 5 Ggyangawo ababi mu maaso ga kabaka, N'entebe ye erinywezebwa mu butuukirivu.
- 6 Teweekuza mu maaso ga kabaka, So toyimiriranga mu kifo eky'abakulu:
- 7 Kubanga waakiri bakugambe nti Yambuka wano; N'otossibwa wansi mu maaso g'omulangira, Amaaso go gwe galabye.
- 8 Tofulumanga mangu okuwakana, Olemenga okubulwa ku nkomerero by'oba okola,

Munno ng'akuswazizza.

- 9 Wozanga ensonga yo ne munno yennyini, So tobikkulanga kyama kya beene:
- 10 Akiwulira alemenga okukuvuma, Okuswala kwo ne kutavangawo.
- 11 Ekigambo ekyogerwa nga bwe kisaanye Kiri ng'amapeera aga zaabu mu bisero ebya ffeeza.
- 12 Ng'empeta ey'omukutu eya zaabu n'ekyobuyonjo ekya zaabu ennungi, Ow'amagezi anenya bw'abeera bw'atyo eri okutu kw'okugonda.
- 13 Ng'empewo eya serugi bw'ebeera mu biro eby'okukunguliramumu, Omubaka omwesigwa bw'abeera bw'atyo eri abo abamutuma; Kubanga aweezaweeza emmeeme ya bakama be,
- 14 Ng'ebire n'empewo awatali nkuba, Bw'atyo bw'abeera oyo eyeenyumiriza olw'ebirabo bye ng'alimba.
- 15 Okugumiikiriza okulwawo ennyo kwe kusendasenda omukulu, N'olulimi olugonvu lumenya eggumba.
- 16 Olabye omubisi gw'enjuki? Iyangako ogunaakumala obumazi; Olemenga okugukkuta n'ogusesema.
- 17 Ekigere kyo tekirinnyanga mirundi mingi mu nnyumba ya munno; Alemenga okukunyiwa n'akukyawa.
- 18 Omuntu awaayiriza munne Nnyondo n'ekitala n'akasaale ak'obwogi.
- 19 Okwesiga omuntu atali mwesigwa mu biro eby'okulabiramumu ennaku Linnyo erimenyese n'okugulu okusowose.
- 20 Ng'omuntu ayambula ekyambalo mu biro eby'empewo, era ng'omwenge omukaatuufu, oguli ku luvu, Bw'atyo bw'abeera oyo ayimbira ennyimba omutima oguliko obuyinike.
- 21 Omulabe wo bw'alumwanga enjala, omuwanga emmere ey'okulya; Era bw'alumwanga ennyonta, omuwanga amazzi okunywa:
- 22 Kubanga olikuma amanda ag'omuliro ku mutwe gwe, Era Mukama alikuwa empeera.
- 23 Embuyaga ez'obukiika obwa kkono zireeta enkuba: N'olulimi olulyolyoma bwe luleeta bwe lutyo amaaso agaliko obusungu.
- 24 Beeranga waggulu ku nnyumba awafunda, Olemenga okubeera n'omukazi omuyombi mu nnyumba engazi.
- 25 Ng'amazzi amannyogovu bwe gaba eri emmeeme erumwa ennyonta, Ebigambo ebirungi ebiva mu nsi ey'ewala bwe biba bwe bityo.
- 26 Ng'oluzi olutabanguse, n'ensulo eyoonone, Omuntu omutuukirivu bw'abeera bw'atyo bw'asegulira omubi.
- 27 Si kirungi okulyanga omubisi gw'enjuki omungi: Bwe kityo abantu okunoonya ekitiibwa kyabwe bo si kitiibwa.
- 28 Ataziyiza mwoyo gwe Ali ng'ekibuga ekimenyese so nga tekirina bbugwe.

Essuula 26

- 1 Ng'omuzira bwe gutasaana mu kyeya, era ng'enkuba mu biro eby'okukunguliramumu, N'ekitiibwa bwe kityo tekisaanira musirusiru.
- 2 Ng'enkazaluggya mu kuwaba kwayo, era ng'akataayi mu kubuuka kwako, Bwe kityo n'ekikolimo eky'obwereere tekiggwa.
- 3 Oluga lusaanira mbalaasi, olukoba lusaanira ndogoyi, N'omuggo gusaanira mabega ga basirusiru.
- 4 Toddangamu musirusiru ng'obusirusiru bwe bwe buli, Era naawe olemenga okumu-faanana.
- 5 Oddangamu omusirusiru ng'obusirusiru bwe bwe buli, Alemenga okuba ow'amagezi

mu kulwooza kwe ye.

- 6 Aweereza ebigambo mu mukono gw'omusirusiru Yeesalako ebigere, era anywa okufirwa.
- 7 Amagulu gawenyera galeebeeta buleebeesi: Olugero bwe lubeera bwe lutyo mu kamwa k'abasirusiru.
- 8 Ng'ensawo erimu amayinja ag'omuwendo omungi eri mu kifunvu eky'amayinja, Bw'atyo bw'abeera oyo assaamu ekitiibwa omusirusiru.
- 9 Ng'eriggwa erifumita omukono gw'omutamiivu, Olugero bwe lubeera bwe lutyo mu kamwa k'abasirusiru.
- 10 Ng'omulasi afUMita bonna, Bw'abeera bw'atyo oyo agulirira omusirusiru, n'oyo agulirira abo abayitawo.
- 11 Ng'embwa edda ku bisesemye byayo, Bw'abeera bw'atyo omusirusiru addiana mu busirusiru bwe.
- 12 Olaba omuntu ow'amagezi mu kulwooza kwe ye? Omusirusiru asubirwa okukira ye.
- 13 Omugayaavu ayogera nti Waliwo empologoma mu kkubo; Empologoma eri mu nguudo.
- 14 Ng'oluggi bwe lukyukira ku ango zaalwo, Omugayaavu bw'akyukira bw'atyo ku kitanda kye.
- 15 Omugayaavu annyika omukono gwe mu kibya; Okuguzza nate ku kamwa ke kumukooyesa.
- 16 Omugayaavu alina amagezi mu kulwooza kwe ye Okukira abantu omusanvu abayinza okuleeta ensonga.
- 17 Ayitawo ne yeeraliikirira olw'empaka ezitali zize Alianga akwata embwa ku matu.
- 18 Ng'omutalu akasuka emimuli, N'obusaale, n'okufa;
- 19 Bw'atyo bw'abeera omuntu alimba munne, N'ayogera nti Sizannya buzannya?
- 20 Enku nga zibuze omuliro kyeguva guzikira: Era awabuze omugeyi, okuyomba kuggwaawo.
- 21 Ng'amanda bwe gakwata ebisiriiza ebyokya n'enku nga bwe zikoleeza omuliro, Omuntu omuyombi bw'akoleeza bw'atyo oluyombo.
- 22 Ebigambo eby'omugeyi biri ng'ebiwundu, Era bikka mu bisenge eby'omu lubuto.
- 23 Emimwa eminyiikivu n'omutima omubi Biri ng'ekintu eky'ebbumba ekibikkiddwako amasengere aga ffeeza.
- 24 Akyawa akuusakuusa n'emimwa gye, Naye atereka obulimba mu ye:
- 25 Bw'ayogeranga eky'okwegonza, tomukkirizanga: Kubanga mu mutima gwe mulimu eby'emizizo musanvu:
- 26 Okukyawa kwe newakubadde nga kwebikkako obukuusa, Obubi bwe bulyolesebwa mu lwatu mu maaso g'ekibiina.
- 27 Buli asima obunnya, aligwa omwo: N'oyo ayiringisa ejjinja, liridda ku ye.
- 28 Olulimi olulimba lukyawa abo be lwafumita; N'akamwa akanyumiriza kaleeta okuzikirira.

Essuula 27

- 1 Tweenyumirizanga bya nkya; Kubanga tomanyi bwe binaaba olunaku bye luyinza okuzaala.
- 2 Omundi akutenderezenga, so si kamwa ko ggwe; Omugenyi, so si mimwa gyo ggwe.
- 3 Ejjinja lizitowa, n'omusenyu muzito; Naye okweraliikirira kw'omusirusiru kubisinga byombi obuzito.
- 4 Obusungu bukambwe, n'ekiruyi mukoka; Naye ani ayinza okuyimirira awali obuggya?

- 5 Okunenya mu lwatu Kusinga obulungi okwagala okukisibwa.
- 6 Ebiwundu eby'omukwano byesigwa: Naye okunywegera kw'omulabe kuba kungi nnyo nnyini.
- 7 Emmeeme ekkuse etamwa ebisenge by'enjuki: Naye emmeeme erumiddwa enjala buli kintu ekikaawa ekiyita kiwoomerevu.
- 8 Ng'ennyonyi ewaba okuva mu kisu kyayo, Bw'atyo bw'abeera omuntu awaba okuva mu kifo kye.
- 9 Amafuta ag'omugavu n'eby'akaloosa bisanyusa omutima: Obuwoomerevu bw'omukwano gw'omuntu bwe busanyusa bwe butyo obuva mu kuteesa okw'omu mwoyo gwe.
- 10 Mukwano gwo ggwe ne mukwano gwa kitaawo tobaabuliranga; So togendanga mu nnyumba ya muganda wo ku lunaku kw'olabira obuyinike: Muliraanwa wo akuli okumpi akira ow'oluganda ali ewala.
- 11 Mwana wange, beeranga n'amagezi osanyusenga omutima gwange. Ndyokenga nziremu oyo anvuma.
- 12 Omuntu omutegeevu alaba obubi ne yeekweka: Naye abatalina magezi bayitawo buyisi ne bafirwa.
- 13 Twalanga ekyambalo ky'oyo eyeeyimirira gw'atamanyi; Era mubowenga oyo eyeeyimirira omukazi omugenyi.
- 14 Eyeebaza mukwano gwe n'eddoboozi eddene, ng'agolokoka enkya mu makya, Kinaayitibwanga kikolimo gy'ali.
- 15 Okutonnya olutata, obudde nga bwa nkuba nnyingi, N'omukazi omuyombi bw'afaanana:
- 16 Ayagala okumuziyiza aziyiza empewo, N'omukono gwe ogwa ddyo gulwana n'amafuta.
- 17 Ekyuma kiwagala kyuma; Bw'atyo omuntu awagala amaaso ga mukwano gwe.
- 18 Buli alima omutiini anaalyanga ku bibala byagwo; N'oyo aweereza mukama we anassibwangamu ekitiibwa.
- 19 Ng'amaaso bwe goolekera amaaso mu mazzi, Bwe gutyo omutima gw'omuntu bwe gwolekera omuntu.
- 20 Amagombe n'okuzikirira tebikkutanga ennaku zonna; N'amaaso g'abantu tegakkutanga ennaku zonna.
- 21 Entamu erongoosa ya ffeeza, n'ekikoomi kya zaabu, N'omuntu akemebwa lwa kumutendereza.
- 22 Ne bw'osekula omusirusiru mu kinu n'omusekuzo mu kasooli omusekule, Era naye obusirusiru bwe tebuumuvengako.
- 23 Obeeranga munyiikivu okumanya embuzi zo bwe ziri, Okeberanga nnyo ente zo:
- 24 Kubanga obugagga si bwa lubeerera; Era engule ebeerera awo okutuusa emirembe gyonna?
- 25 Omuddo omukalu gutwalibwa n'essubi eggonvu lirabika, N'emiddo egy'oku nsozi bagiyingiza.
- 26 Abaana b'endiga baba ba kukwambaza, N'embuzi gwe muwendo gw'ennimiro:
- 27 Era walibaawo amata ag'embuzi; aganaamalanga okukuliisa n'okuliisa ab'omu nnyumba yo, N'ebiyokulya eby'abawala bo.

Essuula 28

- 1 Ababi badduka nga tewali muntu agoberera: Naye abatuukirivu baguma emyoyo ng'empologoma.

- 2 Olw'okusobywa kw'ensi bakabaka baamu baba bangi: Naye olw'abantu abalina okutegeera n'okumanya okunywera kwayo kulyongerwako.
- 3 Omuntu eyeetaaga ajooga abaavu Nkuba ewemmenta etalekaawo mmere yonna.
- 4 Abo abaleka amateeka batendereza ababi: Naye abo abakwata amateeka bayomba nabo.
- 5 Abantu ababi tebategeera musango: Naye abo abanoonya Mukama bategeera byonna.
- 6 Omwavu atambulira mu butayonoona bwe Akira obulungi ow'amakubo amakyamu, newakubadde nga mugagga.
- 7 Buli akwata amateeka mwana wa magezi: Naye aba mukwano gw'abantu abaluvu akwasa kitaawe ensanyi.
- 8 Ayongerera ku bintu bye olw'amagoba n'ebisilirwa Akuaanyiza oyo asaasira abaavu.
- 9 Akyusa okutu kwe obutawulira mateeka, N'okusaba kwe kwa muzizo.
- 10 Buli akyamya abagolokofu mu kkubo ebbi Aligwa ye yennyini mu bunnya bwe ye: Naye abo abatuukirira balisikira ebirungi.
- 11 Omugagga aba wa magezi mu kulowooza kwe ye; Naye omwavu alina okutegeera amukebera.
- 12 Abatuukirivu bwe bawangula, wabaawo ekitiibwa ekinene: Naye ababi bwe bagolokoka, abantu beekweka.
- 13 Abikka ku kusobywa kwe taliraba mukisa: Naye buli akwatula n'akuleka alifuna okusaasirwa.
- 14 Alina omukisa omuntu atya mu biro byonna. Naye oyo akakanyaza omutima gwe aligwa mu kabi.
- 15 Ng'empologoma ewuluguma n'eddubu etambulatabula; Bw'abeera bw'atyo omukulu omubi afuga abantu abaavu.
- 16 Omulangira atalina kutegeera aba mujoozi nnyo era: Naye oyo akyawa omululu aliwangaala ennaku nnyingi.
- 17 Omuntu eyeebinise omusaayi ogwa buli muntu yenna Aliddukira mu bunnya; tewa-bangawo muntu amuziyiza.
- 18 Buli atambula n'obugolokofu aliwonyezebwa: Naye ow'amakubo amakyamu aligwa mangu ago.
- 19 Alima ensi ye aliba n'emmere nnyingi: Naye agoberera abantu abataliiko kye bagasa aliba n'obwavu obulimumala.
- 20 Omuntu omwesigwa aliba n'okwebazibwa kungi: Naye ayanguwa okugaggawala taliwona kubonerezebwa.
- 21 Okusosola mu bantu si kulungi: Newakubadde omuntu okusobywa olw'akamere obumere.
- 22 Alina eriiso ebbi ayanguwa okugoberera obugagga, So tamanyi ng'okwetaaga kulimutuukako.
- 23 Anenya omuntu oluvannyuma alyeyongerera okuganja Okusinga oyo anyumiriza n'olulimi.
- 24 Buli anyaga kitaawe oba nnyina n'ayogera nti Si musango; Oyo ye munne w'omuzikiriza.
- 25 Ow'omwoyo ogw'omululu aleeta oluyombo: Naye eyesiga Mukama aligejja.
- 26 Eyesiga omutima gwe ye musirisiru: Naye atambula n'amagezi ye aliwonyezebwa.
- 27 Agabira omwavu teyeetaagenga: Naye akisa amaaso ge anaabanga n'ebikolimo bingi.
- 28 Ababi bwe bagolokoka, abantu beekweka: Naye bwe bazikirira, abatuukirivu beeyongerera.

Essuula 29

- 1 Omuntu akakanyaza ensingo ye bw' anenyezebwa emirundi emingi Alimenyeka nga tamanyiridde awatali kuwonyezebwa.
- 2 Abatuukirivu bwe beeyongera, abantu basanyuka: Naye omuntu omubi bw' afuga, abantu basinda.
- 3 Buli ayagala amagezi asanyusa kitaawe: Naye oyo abeera n' abakazi abenzi amalawo ebintu bye.
- 4 Kabaka anyweza ensi lwa kusala misango: Naye asoolooza enguzi agisuula.
- 5 Omuntu anyumiriza munne Ategera ebigere bye ekitimba.
- 6 Mu kusobya kw' omuntu omubi mulimu ekyambika: Naye omutuukirivu ayimba n' asanyuka.
- 7 Omutuukirivu yeetegereza ensonga ey' abaavu: Naye omubi talina kutegeera okugimanya.
- 8 Abantu abanyooma basasamaza ekibuga: Naye abantu ab' amagezi bakyusa obusungu ne buvaawo.
- 9 Omuntu ow' amagezi bw' aba n' empaka n' omuntu omusirusiru, Oba nga asunguwala oba nga aseka, tewaliba kuwummula.
- 10 Abayagala omusaayi bakyawa oyo eyatuukirira: N' omugolokofu banoonya obulamu bwe.
- 11 Omusirusiru ayatula obusungu bwe bwonna: Naye omuntu ow' amagezi abuziyiza n' abukkakkanya.
- 12 Omukulu bw' awulira eby' obulimba, Abaddu be bonna baba babi.
- 13 Omwavu n' omujoozi balabagana: Mukama ayakira amaaso gaabwe bombi.
- 14 Kabaka asalira abaavu emisango n' obwesigwa, Entebe ye eneenywezewanga emirembe gyonna.
- 15 Omuggo n' okunenya bireeta amagezi: Naye omwana gwe balekera awo akwasa nnyina ensonyi.
- 16 Ababi bwe beeyongera, okusobya kweyongera: Naye abatuukirivu balitunuulira okugwa kwabwe.
- 17 Buuliriranga omwana wo, anaakuwanga okuwummula; Weewaawo, anaasanyusanga emmeeme yo.
- 18 Awatali kwolesebwa, abantu basuula okuziyizibwa: Naye akwata amateeka alina omukisa.
- 19 Omuddu taganya kubuulirirwa lwa bigambo: Kubanga ne bw' ategeera talissaayo mwoyo.
- 20 Olaba omuntu ayanguyiriza ebigambo bye? Omusirusiru asuubirwa okukira ye.
- 21 Alera omuddu we nga yeekanasa okuva mu buto bwe Alimufuukira omwana ku nkomerero.
- 22 Omuntu ow' obusungu aleeta ennyombo, N' ow' ekiruyi okusobya kwe kuba kungi nnyo nnyini.
- 23 Amalala ag' omuntu galimutoowaza: Naye alina omwoyo ogwetoowaza alifuna ekiti-ibwa.
- 24 Buli assa ekimu n' omubi akyawa obulamu bwe ye: Awulira okulayizibwa n' atabaako ky' ayogera.
- 25 Okutya abantu kuleeta ekyambika: Naye buli eyesiga Mukama anaabanga mirembe.
- 26 Bangi abaagala okuganja eri omukulu: Naye omusango gw' omuntu guva eri Mukama.
- 27 Omuntu atali wa nsonga wa muzizo eri abatuukirivu: N' oyo akwata ekkubo eggolokofu wa muzizo eri ababi.

Essuula 30

- 1 Ebigambo bya Aguli mutabani wa Yake; ebyalagulwa. Omusajja agamba Isyeri, Isyeri ne Ukali;
- 2 Nti Mazima nninga ensolo okusinga omuntu yenna, So sirina kutegeera kwa muntu:
- 3 So siyiganga magezi, So sirina kumanya kw'oyo Omutukuvu.
- 4 Ani eyali alinnye mu ggulu n'akka? Ani eyali akuaanyizza empewo mu bikonde bye? Ani eyali asibye amazzi mu kyambalo kye? Ani eyali anywezezza enkomerero zonna ez'ensi. Erinnya lye ye ani, n'omwana we erinnya lye ye ani, oba ng'omanyi?
- 5 Buli kigambo kya Katonda kikembwa: Aba ngabo eri abo abamwesiga.
- 6 Toyongeranga ku bigambo bye, Aleme okukunenyanga naawe n'olabika ng'omulimba.
- 7 Nkusabye ebigambo bibiri; Tonnyima nga sinnafa:
- 8 Ggyangawo ebigambo ebitaliimu n'eby'obulimba bibe wala nange: Tompanga bwavu newakubadde obugagga; Ndisanga emmere gye nneetaaga:
- 9 Nneme okukutanga ne nkwegaana ne njogera nti Mukama ye ani? Era nnemenga okuba omwavu ne nziba, Ne njogera bubu erinnya lya Katonda wange.
- 10 Towaayirizanga muddu eri mukama we, Alemenga okukukolimira naawe n'olowoozebwa ng'ozizza omusango.
- 11 Waliwo abantu abakolimira kitaabwe; So tebasabira nnyaabwe omukisa.
- 12 Waliwo abantu ababa abalongoofu mu maaso gaabwe bo, Era naye tebanaazibwako empitambi yaabwe.
- 13 Waliwo abantu, amaaso gaabwe nga malalambavu! N'ebikowe byabwe bigulumiz-ibwa.
- 14 Waliwo abantu amannyo gaabwe bitala, n'amasongezo gaabwe bwambe, Okulya abaavu okubamalawo ku nsi, n'abeetaaga mu bantu.
- 15 Ekinoso kirina abawala baakyo babiri aboogerera waggulu nti Mpa, mpa. Waliwo ebintu bisatu ebitakkuta ennaku zonna, Weewaawo, ebina ebitayogera nti Lekera awo:
- 16 Amagombe; n'olubuto olugumba; N'ensi etekkuta mazzi; N'omuliro ogutayogera nti Lekera awo.
- 17 Eriiso erikudaalira kitaawe, Ne linyooma okugondera nnyina, Bannamuona ab'omu kiwonvu baliriggyamu, N'empungu ziririrya.
- 18 Waliwo ebigambo bisatu eby'ekitalo ebinnema, Weewaawo, ebina bye ssimanyi:
- 19 Ekkubo ery'empungu mu bbanga; Ekkubo ery'omusota ku lwazi; Ekkubo ery'eryato wakati mu nnyanja; N'ekkuubo ery'omusajja n'omuwala.
- 20 Bwe lityo bwe libeera ekkubo ery'omukazi omwenzi; Alya n'asangula ku mimwa gye, N'ayogera nti Siriiko bubu bwe nkoze.
- 21 Ensi ekankanira ebigambo bisatu, Era ebina by'eteyinza kugumiikiriza:
- 22 Omuddu bw'aba kabaka; N'omusirusiru bw'akkuta emmere;
- 23 Omukazi omugwagwa bw'afumbirwa; N'omuzaana asikira mugole we.
- 24 Waliwo ebintu bina ebitono ku nsi, Naye birina amagezi mangi nnyo nnyini:
- 25 Enkolooto lye ggwanga eritalina maanyi, Naye zeeterekeram emmere yaazo mu kyeya;
- 26 Obumyu buntu bunafu, Naye bwezimbira ennyumba zaabwo mu mayinja;
- 27 Enzige tezirina kabaka, Naye zitabaala zonna bibiina bibiina;
- 28 Omunya gukwata n'engalo zaagwo, Naye gubeera mu mayumba ga bakabaka.
- 29 Waliwo ebintu bisatu ebyesimba obulungi mu kutambula kwabyo, Weewaawo, ebina ebyesimba obulungi mu kugenda:
- 30 Empologoma esinga ensolo zonna amaanyi, So tewali gy'esegulira yonna;
- 31 Embwa enjizzi; era n'embuzi ennume; Ne kabaka atagolokokerwako.
- 32 Oba ng'okoze eby'obusirusiru nga weegulumiza, Oba ng'olowoozezza obubi,

Teekanga omukono gwo ku kamwa ko.

- 33** Kubanga okusunda amata kuleeta omuzigo, N'okunyigiriza ennyindo kuleeta omusaayi: N'okunyigiriza kw'obusungu bwe kutyo kuleeta oluyombo.

Essuula 31

- 1** Ebigambo bya kabaka Lemweri; ebyalagulwa nnyina bye yamuyigiriza.
- 2** Kiki, mwana wange? era kiki, ai mwana w'olubuto lwange? Era kiki, ai mwana w'obweyamo bwange?
- 3** Towanga bakazi amaanyi go, Newakubadde amakubo go eri ekyo ekizikiriza bakabaka.
- 4** Si kwa bakabaka, ai Lemweri, si kwa bakabaka okunywanga omwenge; So si kwa balangira okwogeranga nti Ekitamiiza kiri ludda wa?
- 5** Balemenga okunywa ne beerabira amateeka, Ne banyoola omusango gw'omuntu yenna abonyaabonyezebwa.
- 6** Mumuwenga ekitamiiza oyo ayagala okufa, N'omwenge oyo alina emmeeme eriko obuyinike:
- 7** Anywenga yeerabirenga obwavu bwe, Alemenga okujjukira nate ennaku ze.
- 8** Yasamanga akamwa ko olwa kasiru, Okuwoza ensonga y'abo bonna abalekebwa nga tebalina bannaabwe.
- 9** Yasamanga akamwa ko osalenga emisango egy'ensonga, Osalirenga emisango omwavu n'eyeetaaga.
- 10** Omukazi omwegendereza ani ayinza okumulaba? Kubanga omuwendo gwe gusinga wala amayinja amatwakaavu.
- 11** Omutima gwa bba gumwesiga, So taabulwenga magoba.
- 12** Amukola bulungi so si bubi Ennaku zonna ez'obulamu bwe.
- 13** Anoonya ebyoya by'endiga ne ppamba, N'akola emirimu n'engalo ze n'essanyu.
- 14** Ali ng'amaato ag'abasuubuzi; Emmere ye agiggya wala.
- 15** Era agolokoka nga bukyali bwa kiro, N'awa ab'omu nnyumba ye ebyokulya, N'agabira abawala be emirimu gyabwe.
- 16** Alowooza ennimiro n'agigua: Asimba olusuku olw'emizabbibu n'ebibala eby'emikono gye.
- 17** Yeesiba n'amaanyi, N'anyweza emikono gye.
- 18** Alaba ng'obuguzi bwe bulimu ettunzi: Ettabaaza ye tezikira kiro.
- 19** Ateeka engalo ze ku muggo ogubaako ppamba, Emikono gye ne gikwata akati akalanga.
- 20** Ayanjululiza omwavu omukono gwe: Weewaawo, agololera emikono gye oyo eyeetaaga.
- 21** Omuzira tagutiira ab'omu nnyumba ye; Kubanga ab'omu nnyumba ye bonna bambadde olugoye olumyufu.
- 22** Yeekolera amagodooli; Ebyambalo bye bafuta nnungi n'olugoye olw'effulungu.
- 23** Bba amanyibwa mu miryango, Bw'atuula mu bakadde ab'ensi.
- 24** Atunga ebyambalo ebya bafuta n'abitunda; N'awa omusuubuzi enkoba.
- 25** Amaanyi n'okutiibwa bye byambalo bye; Era asekerera ebiro ebigenda okujja.
- 26** Ayasama akamwa ke n'amagezi; N'etteeka ery'ekisa liba ku lulimi lwe.
- 27** Alabirira nnyo empisa ez'ab'omu nnyumba ye, So talya mmere ya kugayaala.
- 28** Abaana be bagolokoka ne bamuyita wa mukisa; Ne bba, n'amutendereza ng'ayogera nti
- 29** Abawala bangi abaakola eby'okwegendereza, Naye ggwe obasinga bonna.
- 30** Okuganja kulimba n'obulungi tebuliiko kye bugasa: Naye omukazi atya Mukama ye

anaatenderezewanga.

- 31** Mumuwenga ku bibala eby' emikono gye; N'emirimu gye gimutenderezenga mu miryango.

Omubuulizi

Essuula 1

- 1 Ebigambo eby'Omubuulizi, mutabani wa Dawudi, kabaka mu Yersaalemi.
- 2 Obutaliimu obusinga obutaliimu bwonna, bw'ayogera Omubuulizi; obutaliimu obusinga obutaliimu bwonna, byonna butaliimu.
- 3 Magoba ki omuntu gaggya mu mulimu gwe gwonna gw'akola wansi w'enjuba?
- 4 Emirembe emirala gigenda, n'emirembe emirala gijja; ensi n'ebeerera awo ennaku zonna.
- 5 Era n'enjuba evaayo, enjuba n'egwa, n'eyanguwa okugenda mu kifo kyayo gy'eva.
- 6 Empewo egenda eri obukiika obwa ddyo, n'ekyukira obukiika obwa kkono; ekyukakyuka buli kaseera mu kutambula kwayo, empewo n'edda nate mu kwetooloola kwayo.
- 7 Emigga gyonna gigenda mu nnyanja, naye ennyanja tejjula; mu kifo emigga gye gigenda eyo gye gigenda nate.
- 8 Ebintu byonna bijjudde obukoowu; omuntu tayinza kubwogera: eriiso terikkuta kulaba, so n'okutu tekukkuta okuwulira.
- 9 Ekyaliwo kye kinaabangawo; n'ekyo ekyakolebwanga kye kinaakolebwanga: so tewali kintu kiggya wansi w'enjuba.
- 10 Waliwo ekintu abantu kye boogerako nti Laba, kino kiggya? kyamala okubaawo mu mirembe egyatusooka.
- 11 Tewali kujjukira mirembe egy'edda; so tewaliba kujjukira mirembe gya luvaanyuma egigenda okujja mu abo abaliddawo.
- 12 Nze Omubuulizi nali kabaka wa Isiraeri mu Yersaalemi.
- 13 Awo ne nzisaayo omutima gwange okunoonya n'okukenneenya o lw'amagezi byonna ebikolebwa wansi w'eggulu: bwe bubalagaze obungi Katonda bwe yawa abaana b'a bantu okubaluma.
- 14 Nalaba emirimu gyonna egikolebwa wansi w'enjuba; era, laba, byonna butaliimu na kugoberera mpewo.
- 15 Ekikyanye tekiyinzika kuluamizibwa: n'ekyo ekitatuuka tekibalika.
- 16 Nateesa n'omutima gwange nze nga njogera nti Laba, neefunidde amagezi mangi okukira bonna abansooka mu Yersaalemi: weewaawo, omutima gwange gwalaba nnyo amagezi n'okumanya.
- 17 Ne nzisaayo omutima gwange okumanya amagezi n'okumanya eddalu n'obusirusiru: nalaba nga n'ekyo kwe kugoberera empewo.
- 18 Kubanga mu magezi amangi mulimu obuyinike bungi: n'oyo ayongerera okumanya ayongerera okulaba ennaku.

Essuula 2

- 1 Nayogera mu mutima gwange nti Kale nno, naakukema n'ebinyumu; kale beera n'essanyu: era, laba, n'ekyo nga bwe butaliimu.
- 2 Nayogera ku nseko nti Ziraluse: ne ku binyumu nti Bikola ki?
- 3 Nanoonya mu mutima gwange bwe mba nsanyusa omubiri gwange n'omwenge, omutima gwange nga gukyannuamya n'amagezi, era bwe mba nnyweza obusirusiru, ndyoke ntegeere ebisaanira abaana b'abantu okukola wansi w'eggulu ennaku zonna ez'obulamu bwabwe.
- 4 Neekolera emirimu eminene, neezimbira ennyumba; neesimbira ensuku ez'emizabibibu;

- 5 neekolera ensuku n'ennimiro, ne nsimba omwo emiti egy'ebibala eby'engeri zonna:
- 6 neesimira ebidiba eby'amazzi, okugafukiriza ekibira emiti mwe gyasimbibwa:
- 7 nagula abaddu n'abazaana, ne nzaalirwa abaddu mu nnyumba yange: era nalina obugagga bungi obw'ente n'embuzi, okukira abo bonna abansooka mu Yerusalemi:
- 8 era neekuaanyiza ffeeza ne zaabu, n'obugagga obw'omu buli nsi obwa bakabaka n'obw'omu masaza: neefunira abasajja abayimbi n'abakazi abayimbi, n'ebisanyusa abaana b'abantu, abazaana bangi nnyo.
- 9 Kale ne mba mukulu, ne nneeyongera okusinga bonna abansooka mu Yerusalemi: era amagezi gange ne gabeera nange.
- 10 Na buli kintu amaaso gange kye geegombanga saakigamma: saazyiza mutima gwange obutalaba ssanyu lyonna, kubanga omutima gwange gwasanyuka olw'emirimu gyange gyonna; era guno gwe gwali omugabo gwange ogwava mu mirimu gyange gyonna.
- 11 Awo ne ndyoka ntunuulira emirimu gyonna emikono gyange gye gyaligikoze n'okute-gana kwe nategana okukola: era, laba, byonna butaliimu na kugoberera mpewo, so nga tewali kintu kigasa wansi w'enjuba.
- 12 Awo ne nkyuka okulaba amagezi n'eddalu n'obusirusiru: kubanga omuntu ayinza ki addirira kabaka? Ayinza ekyo ekyakolebwa edda.
- 13 Awo ne ndaba ng'amagezi gasinga obusirusiru obulungi ng'omusana bwe gusinga ekizikiza.
- 14 Omugezigezi amaaso ge gaba mu mutwe gwe, n'omusirusiru atambulira mu kizikiza: era naye ne ntegeera nga bonna ekigambo kimu kibatuukako.
- 15 Awo ne amba mu mutima gwange nti Ekituuka ku musirusiru era kye kirituuka ku nze nange; kale musinga mu ki amagezi? Kale ne njogera mu mutima gwange nga n'ekyo butaliimu.
- 16 Kubanga n'omugezigezi era nga n'omusirusiru tajjukirwa mireembe gyonna; kubanga mu biro ebigenda okujja byonna nga byamala dda okwerabirwa. Era omugezigezi ng'afa okwenkana n'omusirusiru!
- 17 Awo ne nkyawa obulamu; kubanga emirimu egikolebwa wansi w'enjuba gyantama: kubanga byonna butaliimu na kugoberera mpewo.
- 18 Awo ne nkyawa okutegana kwange kwonna kwe nategana wansi w'enjuba: kubanga kiwanira okukulekera omusajja alinziririra.
- 19 Era ani amanyi oba ng'aliba mugezigezi oba musirusiru, naye alifuga okutegana kwange kwonna kwe nategana, ere kwe nnayolesezaamu amagezi wansi w'enjuba. Era n'ekyo butaliimu.
- 20 Kyennava nkyuka omutima gwange ne guggwaamu essubi ery'okutegana kwonna kwe nategana wansi w'enjuba.
- 21 Kubanga wabaawo omuntu okutegana kwe kulina amagezi n'okumanya n'obukabak-aba; naye omuntu atategananga mu byo gw'alikulekera okuba omugabo gwe. Era n'ekyo butaliimu na kabi kanene.
- 22 Kubanga omuntu afuna ki olw'okutegana kwe kwonna n'olw'okufuba kw'omutima gwe kw'ategaaa wansi w'enjuba?
- 23 Kubanga ennaku ze zonna buyinike bwereere, n'okufuba kwe kunakuwala; wee-waawo, ne mu kiro omutima gwe tegubaako bwe guwummula. Era n'ekyo butaliimu.
- 24 Tewali kintu ekigasa omuntu okusinga okulya n'okunywa n'okuliisa emmeeme ye ebirungi mu kutegana kwe. Era n'ekyo nakiraba nga kiva eri omukono gwa Katonda.
- 25 Kubanga ani ayinza okulya, oba ani ayinza okuba n'essanyu okukira nze?
- 26 Kubanga omuntu amusanyusa Katonda gw'awa amagezi n'okumanya n'essanyu: naye alina ebibi amuwa okutegana, akuaanye atuume entuumo, awe oyo asanyusa Katonda. Era n'ekyo butaliimu na kugoberera mpewo.

Essuula 3

- 1 Buli kintu kiriko entuuko yaakyo, na buli kigambo ekiri wansi w'eggulu kiriko ekiseera kyakyo:
- 2 ekiseera eky'okuzaalirwamu, n'ekiseera eky'okufiiramu; ekiseera eky'okusimbiramu, n'ekiseera eky'okusimbuliramu ekyo ekyasimbibwa;
- 3 ekiseera eky'okuttiramu, n'ekiseera eky'okuwonyezaamu; ekiseera eky'okwabizaamu, n'ekiseera eky'okuzimbiramu;
- 4 ekiseera eky'okukaabiramu amaziga, n'ekiseera eky'okusekeramu; ekiseera eky'okuwuubaaliramu, n'ekiseera eky'okuziniramu;
- 5 ekiseera eky'okusuuliramu amayinja, n'ekiseera eky'okukugnaanyizaamu amayinja; ekiseera eky'okugwiramu mu kifuba, n'ekiseera eky'obutagwiramu mu kifuba;
- 6 ekiseera eky'okunoonyezaamu, n'ekiseera eky'okubulirwamu; ekiseera eky'okuku-umiramu, n'ekiseera eky'okusuuliramu;
- 7 ekiseera eky'okuyulizaamu, n'eluseera eky'okutungiramu; ekiseera eky'okusiriki-ramu, n'ekiseera eky'okwogereramu;
- 8 ekiseera eky'okwagaliramu, n'ekiseera eky'okukyayiramu; ekiseera eky'okulwaniramu, n'ekiseera eky'okutabaganiramu.
- 9 Magoba ki gaafuna oyo akola emirimu mu ekyo mw'ateganira?
- 10 Nalaba okutegana Katonda kwe yawa abaana b'abantu okubateganya.
- 11 Yafuula buli kintu okuba ekirungi mu kiseera kyakyo: era yateeka ensi mu mutima gwabwe, naye agiteekamu bw'atyo omuntu n'okuyinza n'atayinza kukebera mulimu Katonda gwe yakola okuva ku lubereberye okutuuka ku nkomerero.
- 12 Mmanyi nga tewali kintu kibagasa okusinga okusanyuka n'okukola obulungi ennaku zonna nga bakyali balamu.
- 13 Era buli muntu okulyanga n'okunywanga n'okusanyukiranga ebirungi mu kutegana kwe kwonna, kye kirabo kya Katonda.
- 14 Mmanyi nga buli Katonda ky'akola kinaabanga kya lubeerera; tewali kintu kiyinzika okukyongerwako, newakubadde okukisalibwako: era Katonda kyeyava akikola abantu balyoke batye mu maaso ge.
- 15 Ekiriwo kyamala dda okubaawo; n'ekyo ekigenda okubaawo kyabaawo dda; era Katonda anoonya nate ekyo ekyayitawo.
- 16 Era nate nalaba wansi w'enjuba mu kifo eky'okusaliramu emisango ng'obubi bwali eyo; ne mu kifo eky'obutuukirivu ng'obubi bwali omwo.
- 17 Ne njogera mu mutima gwange nti Katonda ye alisala emisango gy'omutuukirivu n'omubi: kubanga eyo eriyo ekiseera eky'ekigambo kyonna n'omulimu gwonna.
- 18 Ne njogera mu mutima gwange nti Kiba bwe kityo olw'abaana b'abantu Katonda alyoke abakeme, balabe nga bo bennyini bali ng'ensolo obusolo.
- 19 Kubanga ekyo ekituuka ku baana b'abantu kye kituuka ku nsolo; ekigambo kimu kibatuukako; ng'eyo bw'efa, n'oyo bw'afa bw'atyo; weewaawo, bonna balina omukka gumu; so abantu tebaliiko bwe basinga nsolo: kubanga byonna butaliimu.
- 20 Bonna bagenda mu kifo kimu; bonna baava mu nfuufu, era bonna badda mu nfuufu nate.
- 21 Ani amanyi omwoyo gw'abantu oba nga gulinyanya mu ggulu, n'omwoyo gw'ensolo oba gukka wansi mu ttaka?
- 22 Kyennava ndaba nga tewali kintu kisinga kino obulungi, omuntu okusanyukiranga emirimu gye; kubanga ogwo gwe mugabo gwe: kubanga ani alimukomyawo okulaba ebinaabangawo oluvannyuma lwe?

Essuula 4

- 1 Awo ne nzirayo ne ndaba okujooga kwonna kwe bajooga wansi w'enjuba: era, laba, amaziga g'abo abajoogebwa, so nga tebalina abasanyusa; n'obuyinza nga buli ku luuyi lw'abajoozi baabwe, naye no nga tebalina abasanyusa.
- 2 Kyennava ntendereza abafu abaamala okufa okusinga abalamu abakyalaba;
- 3 weewaawo, ne ndowooza okusinga bombi oyo atannabaawo, atalabanga mulimu mubi ogukolebwa wansi w'enjuba.
- 4 Awo ne ndyoka ndaba okutegana kwonna na buli mulimu ogw'amagezi, ng'olwekyo omuntu kyava amukwatirwa munne obuggya. Era n'ekyo butaliimu na kugoberera mpewo.
- 5 Omusirusiru afunya emikono gye, n'alya omubiri gwe ye.
- 6 Olubatu lumu wamu n'okutereera lusinga embatu bbiri wamu n'okutegana n'okugoberera empewo.
- 7 Awo ne nzirayo ne ndaba obutaliimu wansi w'enjuba.
- 8 Wabaawo ali omu, nga talina wa kubiri; weewaawo, talina mwana newakubadde ow'oluganda: naye okutegana kwe kwonna tekuliiko we kukoma, so n'amaaso ge tegakkuta bugagga. Kale nteganira ani, bw'ayogera, ne nnyima emmeeme yange ebirungi? Era n'ekyo butaliimu, weewaawo, kweraliikirira kungi.
- 9 Babiri basinga omu; kubanga baba n'empeera ennungi olw'okutegana kwabwe.
- 10 Kubanga bwe bagwa omu aliyimusa munne: naye zimusanze oyo ali yekka bw'agwa, so nga talina munne amuyimusa.
- 11 Nate babiri bwe bagalamirira awamu, lwe babuguma: naye omu ayinza atya okubuguma bw'aba yekka?
- 12 Era omuntu bw'asinga oyo ali yekka, ababiri be balimusobola; n'omugwa ogw'emiyondo esatu tegutera kukutuka.
- 13 Omulenzi omwavu omugezigezi asinga kabaka omukadde omusirusiru atakyamanyi kubuulirirwa.
- 14 Kubanga mu kkomera mwe yava okuba kabaka; weewaawo, ne mu bwakabaka bwe yazaalibwa nga mwavu.
- 15 Nalaba abalamu bonna abatambulira wansi w'enjuba, nga baali wamu n'omulenzi, ow'okubiri, eyayimirira mu kifo kye.
- 16 Abantu bonna tebaaliko gye bakoma, abo bonna be yakulira: naye abo abalibaawo oluvannyuma lwe tebalimusanyukira. Mazima era n'ekyo butaliimu na kugoberera mpewo.

Essuula 5

- 1 Okuumanga ekigere kyo bw'ogendanga mu nnyumba ya Katonda; kubanga okusembera okuwulira kusinga okuwaayo ssaddaaka ey'abasirusiru: kubanga tebamanyi nga bakola bubu.
- 2 Akamwako tekanguyirizanga, so n'omutima gwo guleme okwanguyirizanga okwogera ekigambo kyonna mu maaso ga Katonda; kubanga Katonda ali mu ggulu, naawe oli ku nsi: kale ebigambo byo bibeerenga bitono.
- 3 Kubanga ekirooto kijjira wamu n'olulufube lw'emirimu; n'eddoboozi ly'omusirusiru lijira wamu n'olulufube lw'ebigambo.
- 4 Bw'oneeyamanga obweyamo eri Katonda, tolwangawo okubusasula; kubanga tasanyukira basirusiru: osasulanga ekyo kye weeyama.
- 5 Waakiri oleme okweyama, okusinga okweyama n'olema okusasula.
- 6 Toganyanga kamwa ko okwonoonyesa omubiri gwo; so toyogeranga mu maaso ga

malayika nga kwali kusobya: Katonda kiki ekinaaba kimusunguwaliza eddoozi lyo, n'azikiriza omulimu ogw'emikono gyo?

- 7 Kubanga bwe kituukirira bwe kityo olw'olufulube lw'ebirooto n'obutaliimu n'ebigambo ebingi: naye ggwe otyanga Katonda.
- 8 Bw'onoolabanga abaavu nga babajooga, era nga balya ensonga olw'amaanyi ne banyoola omusango mu ssaza, tewewuunyanga kigambo ekyo: kubanga asinga abagulumivu obugulumivu assaayo omwoyo; era waliwo abasinga bo obugulumivu.
- 9 Nate ekyengera eky'ettaka kiba kya bonna: kabaka yennyini ennimiro emuweereza.
- 10 Ayagala ffeeza takkutenga ffeeza; so n'oyo ayagala obungi, ekyengera tekimukkusenga: era n'ekyo butaliimu.
- 11 Ebintu bwe byeyongera, n'abo ababirya ne beeyongera: kale magoba ki nannyini byo g'afuna, wabula okubiraba obulabi n'amaaso ge?
- 12 Otulo otw'omukozi w'emirimu tumuwoomera, oba nga alya bitono oba nga bingi: naye omukkuto ogw'omugagga tegumuganya kwebaka.
- 13 Waliwo ekibi ekinene kye nnalaba wansi w'eggulu, kye kino, obugagga nnyini bwo bw'akuuma ne yeerumya yekka:
- 14 obugagga obwo ne buzikirira olw'ebigambo ebibi ebiggwaawo; era bw'aba ng'azadde omwana, nga temuli kintu mu mukono gwe.
- 15 Nga bwe yava mu lubuto lwa nnyina, ng'ali bwereere, bw'atyo bw'aliddayo, nga bwe yajja, so talitwala kintu olw'okutegana kwe, ky'ayinza okutwala mu mukono gwe.
- 16 Era n'ekyo kibi kinene, ng'aligenda ng'ali bw'atyo mu bigambo byonna era; nga bwe yajja: era magoba ki g'alina n'okutegana n'ateganira mpewo?
- 17 Era ennaku ze zonna aliira mu kizikiza, era yeeraliikirira nnyo, era abaako endwadde n'obusungu.
- 18 Laba, ekyo kye nnalaba nga kye kiwooma kye kisaana kye kino, omuntu okulyanga n'okunywanga n'okusanyukiranga ebirungi mu kutegana kwe kwonna kw'ategana wansi w'enjuba ennaku zonna ez'obulamu bwe Katonda bwe yamuwa: kubanga ogwo gwe mugabo gwe.
- 19 Era buli muntu Katonda gw'awadde obugagga n'ebintu, era ng'amuwadde obuyinza okulyangako n'okukudiranga omugabo gwe n'okusanyukiranga okutegana kwe; ekyo kye kirabo kya Katonda.
- 20 Kubanga talijjukira nnyo ennaku ez'obulamu bwe; kubanga Katonda amuddamu olw'okusanyuka kw'omutima gwe.

Essuula 6

- 1 Waliwo ekibi kye nnalaba wansi w'enjuba, era kizitoowerera abantu:
- 2 omuntu Katonda gw'awa obugagga n'ebintu n'ekitiibwa, n'okubulwa n'atabulwa kintu olw'emmeeme ye ku ebyo byonna bye yeegomba, naye Katonda n'atamuwa buyinza kubiryako, naye omugenyi ye abirya; ekyo butaliimu, era ye ndwadde embi.
- 3 Omuntu bw'azaala abaana kikumi, n'awangaala emyaka mingi, ennaku ez'emyaka gye ne ziba nnyingi, naye emmeeme ye n'etekkuta birungi, era nate n'ataba na kuziikibwa; njogera ng'omwana omusowole amusinga oyo:
- 4 kubanga ajjira mu butaliimu n'agendera mu kizikiza, n'erinnya lye libikkibwako ekizikiza;
- 5 nate talabanga njuba so tagimanyanga; ono ye aba n'okuwummula okusinga oyo:
- 6 weewaawo, newakubadde ng'awangaala emyaka lukumi emirundi ebiri, naye n'atasanyukira birungi: bonna tebadde mu kifo kimu?
- 7 Okutegana kwonna okw'omuntu kuba kwa kamwa ke, era naye okwegomba tekukkuta.

- 8 Kubanga omugezigezi asinga atya omusirusiru? oba omwavu alina ki, amanyi okutambulira mu maaso g'abalamu?
- 9 Okulaba n'amaaso kwe kusinga okutambulatambula n'omwoyo ogwegomba: era n'ekyo butaliimu na kugoberera mpewo.
- 10 Buli ekyabaawo, erinnya lyakyo lyatumibwa dda, era kimanyibwa nga muntu: so tayinza kuwakanya oyo amusinga amaanyi.
- 11 Kubanga waliwo ebintu bingi ebyongera ku butaliimu, omuntu yeeyongera ki okugasa?
- 12 Kubanga ani amanyi ekisaanira omuntu mu bulamu bwe, ennaku zonna ez'obulamu bwe obutaliimu bw'amalawo ng'ekisiikirize? kubanga ani ayinza okubuulira omuntu ebinaabnga oluvannyuma lwe wansi w'enjuba?

Essuula 7

- 1 Erinnya eddungi lisinga amafuta ag'omugavu ag'omuwendo omungi; n'olunaku olw'okufiramumu lusinga olunaku olw'okuzaalirwamu.
- 2 Okugenda mu nnyumba ey'okuwuubaaliramumu, kusinga okugenda mu nnyumba ey'okuliiramumu embaga: kubanga eyo ye nkomerero y'abantu bonna; n'omulamumu alikiteeka ku mutima gwe.
- 3 Ennaku zisinga enseko: kubanga obuyinike bw'amaaso bwe busannyusa omutima.
- 4 Omutima gw'abagezigezi guba mu nnyumba ey'okuwuubaaliramumu; naye omutima gw'abasirusiru guba mu nnyumba ey'ebinyumu.
- 5 Okuwulira okunenya kw'omugezigezi kusinga okuwulira oluyimba olw'abasirusiru.
- 6 Kubanga amaggwa nga bwe gatulikira wansi w'entamu, enseko z'omusirusiru bwe ziba bwe zityo: era n'ezo butaliimu
- 7 Mazima obukamuzi bufuula omugezigezi okuba omusirusiru; era enguzi emalamumu okutegeera.
- 8 Enkomerero y'ekigambo esinga obulungi okusooka kwakyo: alina omwoyo ogugumiikiriza asinga alina omwoyo ogw'amalala.
- 9 Toyangayirizanga mu mwoyo gwo okusunguwala: kubanga obusungu bubeera mu kifuba ky'abasirusiru.
- 10 Toyogeranga nti Nsonga ki ennaku ez'edda kyezaavanga zisinga zinno? kubanga tobuuza kino lwa magezi.
- 11 Amagezi genkana obulungi obusika: weewaawo, gasinga okuwooma eri abo abalaba enjuba.
- 12 Kubanga amagezi kigo, nga ffeeza bw'eri ekigo: naye okumanya kyekuva kusinga obulungi, kubanga annagezi gakuuma obulamu bwa nnyini go.
- 13 Lowooza omulimu gwa Katonda: kubanga ani ayinza okuluamya ekyo ye kye yanyoola?
- 14 Osanyukiranga ku lunaku olw'okulabiramumu omukisa, era olowoolezanga ku lunaku olw'okulabiramumu ennaku: Katonda yaliraanya olwo ku mabbali g'olwo, omuntu alemenga okulaba ekintu kyonna e.kiriba oluvannyuma lwe.
- 15 Ebyo byonna nabirabira mu nnaku ez'obutaliimu bwange: waliwo omuntu omutuukirivu azikirira mu butuukirivu bwe, era waliwo omuntu omubi awangaalira mu kukola obubi bwe.
- 16 Tosukkiriranga kuba mutuukirivu; so teweefuulanga asukkiriza amagezi: lwaki ggwe okwezikiriza?
- 17 Tosukkiriranga kuba mubi, so tobanga musirusiru: lwaki ggwe okufa ekiseera kyo nga tekinnatuuka?
- 18 Kirungi okwatenga ekyo; weewaawo, na kiri tokiggyaako mukono gwo: kubanga atya

Katonda anaavanga mu byonna.

- 19 Amagezi maanyi eri omugezigezi okusinga abafuga kkumi abali mu kibuga.
- 20 Mazima tewali muntu mutuukirivu ku nsi akola ebirungi n'atayonoono.
- 21 Era tossaayo mwoyo eri ebigambo byonna ebyogerwa; olemenga okuwulira omuddu wo ng'akukolimira:
- 22 kubanga emirundi mingi omutima gwo ggwe nagwo gumanyi nga naawe bw'otyo wakolimira abalala.
- 23 Ebyo byonna nabikema lwa magezi: nayogera nti Ndiba mugezigezi; naye ne gam-beera wala.
- 24 Ekiriwo kiri wala era kigenda wansi nnyo; ani ayinza okukikebeera?
- 25 Nakyuka, omutima gwange ne ngukakasa okumanyanga n'okukenneenyanga, n'okunoonyanga amagezi n'ensonga z'ebigambo n'okumanyanga ng'obubi busirusiru, era ng'obusirusiru ddalu:
- 26 era ndaba ekigambo ekisinga okufa okubalagala, ye mukazi, omutima gwe byambika n'ebitimba; n'emikono gye giri ng'enjegere: buli asanyusa Katonda alimuwona; naye alina ebibi alikwatibwa ye.
- 27 Laba, kino kye nnalaba, bw'ayogera Omubuulizi, nga nteeka ekigambo ekirala ku kirala okunoonya ensonga:
- 28 emmeeme yange ky'ekyanoonya, naye sinnakiraba: omusajja omu mu lukumi gwe nnalaba; naye omukazi mu abo bonna gwe ssirabanga.
- 29 Laba, kino kyokka kye nnalaba nga Katonda yakola abantu nga bagolokofu; naye bo ne banoonya bingi bye baagunja.

Essuula 8

- 1 Ani ali ng'omugezigezi? era ani amanyi ekigambo bwe kitegeezebwa? Amagezi g'omuntu ganyiriza amaaso ge, n'obukakanyavu bw'amaaso ge ne buwaanyisibwa.
- 2 Nkuweerera ebigambo, nti Okwatanga ekiragiro kya kabaka, era kyova okola bw'otyo olw'ekirayiro kya Katonda:
- 3 Toyanguyirizanga kuva w'ali; tolemeranga mu kigambo ekibi: kubanga akola buli ky'ayagala.
- 4 Kubanga ekigambo kya kabaka kirina obuyinza; era ani ayinza okumugamba nti Okola ki?
- 5 Buli akwata ekiragiro talibaako kigambo kibi ky'alimanya; n'omutima gw'Omuntu omugezigezi gwawula ekiseera n'okuteesa:
- 6 kubanga buli kigambo ky'oyagala okukola kibaako ekiseera kyakyo n'okuteesa kwakyo; kubanga obuyinike bw'omuntu bumuzitoowerera nnyo:
- 7 kubanga tamanyi ekiribaawo: kubanga ani ayinza okumubuulira bwe kiriba?
- 8 Tewali muntu alina obuyinza ku mwoyo okuziyiza omwoyo; so talina buyinza ku lunaku olw'okufiramu; so mu ntalo ezo temuli kusindikibwa: so n'obubi tebulimuwonya oyo abugoberera.
- 9 Ebyo byonna nabiraba, ne nzisaayo omutima gwange eri buli mulimu ogukolebwa wansi w'enjuba: wabaawo ekiseera omuntu omu bw'abeera n'obuyinza ku mulala olw'okumukola obubi.
- 10 Era nate nalaba ababi nga babaziika, ne bajja eri entaana; n'abo abaakolanga eby'ensonga ne bagenda nga bava mu kifo ekitukuvu, ne beerabirwa mu kibuga: era n'ekyo butaliimu.
- 11 Kubanga omusango ogusalirwa ekikolwa ekibi tebagutuukiriza mangu, omutima gw'abaana b'abantu kyeguva gukakasibwa ddala mu bo okukola obubi.
- 12 Alina ebibi newakubadde ng'akola obubi emirundi kkumi n'awangaala nnyo, era naye

- mazima mmanyi ng'abo abatya Katonda banaabanga bulungi, abatya mu masso ge:
- 13 naye omubi taabenga bulungi, so taliwangaala nnaku nnyingi eziri ng'ekisiikirize; kubanga taty mu maaso ga Katonda.
 - 14 Waliwo obutaliimu obukolebwa ku nsi; nga waliwo abantu abatuukirivu abagwibwako ebirianga omulimu ogw'ababi; naye waliwo abantu ababi abagwibwako ebirianga omulimu ogw'abatuukirivu: ne njogera nga n'ekyo butaliimu.
 - 15 Awo ne nsiima ebinyumu, kubanga omuntu talina kintu kyonna ekisinga obulungi wansi w'enjuba wabula okulyanga n'okunywanga n'okusanyukanga: kubanga ebyo binaabeeranga naye mu kutegana kwe ennaku zonna ez'obulamu bwe Katonda bw'amuwadde wansi w'enjuba.
 - 16 Bwe nnassaayo omutima gwange okumanya amagezi, n'okulaba emirimu egikolebwa ku nsi: (kubanga waliwo era atafuna tulo mu maaso ge emisana n'ekiro:)
 - 17 awo ne ndaba omulimu gwonna ogwa Katonda; omuntu nga tayinza kukebera mulimu ogukolebwa wansi w'enjuba: kubanga omuntu ne bw'ategana atya okugukebera, naye taligulaba; weewaawo, nate omugezigezi ne bw'alowooza okugumanya, nate taliyinda kugulaba.

Essuula 9

- 1 Kubanga ebyo byonna nabiteeka ku mutima gwange, okuketta ebyo byonna; ng'abatuukirivu n'abagezigezi n'emirimu gyabwe bali mu mukono gwa Katonda: oba nga kwagala oba nga kukyawa omuntu takumanyi: byonna biri mu mberi yaabwe.
- 2 Byonna byenkana okujjira bonna: waliwo ekigambo ekimu eri omutuukirivu n'omubi; eri omulungi n'eri omulongoofu n'eri atali mulongoofu; eri oyo asala ssaddaaka n'eri oyo atasala ssaddaaka: ng'omulungi bw'ali, alina ebibi bw'ali bw'atyo; n'oyo alayira ali ng'oyo atya ekirayiro.
- 3 Ekyo kibi mu byonna ebikolebwa wansi w'enjuba, ng'ekigambo ekimu ekibajjira bonna: weewaawo, era omutima gw'abaana b'abantu gujjudde obubi, era eddaluliri mu mutima gwabwe nga bakyali balamu, awo oluvannyuma, lw'ekyo ne badda mu bafu.
- 4 Kubanga eri oyo agattibwa n'abalumu bonna waliwo essuubi: kubanga embwa ennamu ekira empologoma enfu obulungi.
- 5 Kubanga abalumu bamanyi nga balifa: naye abafu tebaliiko kye bamanyi, so nga tebakyalina mpeera; kubanga ekijjukizo kyabwe kyerabirwa.
- 6 Okwagala kwabwe kwenkana n'okukyawa n'obuggya bwabwe okuzikirira kaakano: so nga tebakyalina mugabo ennaku zonna mu byonna ebikolebwa wansi w'enjuba.
- 7 Weegenderenga, olyenga emmere yo ng'osanyuka, onywenga omwenge gwo n'omutima ogujaguza; kubanga Katonda amaze okukkiriza emirimu gyo.
- 8 Ebyambalo byo bitukulenga enaaku zonna; so n'omutwe gwo tegubulwanga mafuta.
- 9 Beeranga n'omukazi gw'oyagala n'essanyu ennaku zonna ez'obulamu bwo obutaliimu bw'akuwadde wansi w'enjuba, ennaku zo zonna ezitaliimu: kubanga ogwo gwe mugabo gwo mu bulamu, ne mu kutegana kwo kw'otegana wansi w'enjuba.
- 10 Buli kintu omukono gwo kye gulaba okukola, okikolanga n'amaanyi go; kubanga tewali mulimu newakubadde okuteesa newakubadde okumanya newakubadde amagezi mu magombe gy'ogenda.
- 11 Awo ne nzirayo ne ndaba wansi w'enjuba ng'ab'embiro si be basinga empaka ez'embiro, so n'ab'amaanyi si be basinga okulwana, so n'abagezigezi si be bafuna emmere, so n'abantu abategeevu si be bafuna obugagga, so n'abakabakaba si be baganja; naye bonna bibagwira bugwizi ebiseera n'ebigambo.
- 12 Kubanga n'omuntu tamanyi kiseera kye: ng'ebyennyanya ebikwatibwa mu mugonjo

omubi, era ng'ennyonyi ezikwatibwa mu kakunizo, era bwe batyo abaana b'abantu bateegebwa mu kiseera ekibi, bwe kibagwira nga tebamanyiridde.

- 13 Era nalaba amagezi wansi w'enjuba bwe ntyo; ne gafaanana mangi gye ndi:
- 14 waaliwo ekibuga ekitono n'abasajja abaali omwo si bangi; kabaka omukulu n'akitabaala, n'akizingiza, n'akizimbako amakomera amanene:
- 15 awo ne walabika omwo omusajja omwavu omugezigezi, oyo n'awonya ekibuga olw'amagezi ge; era naye ne wataba muntu ajjukira omusajja oyo omwavu.
- 16 Kale ne njogera nti Amagezi gasinga amaanyi obulungi: era naye amagezi g'omwavu ganyoomebwa, ebigambo bye ne batabiwulira.
- 17 Ebigambo eby'abagezigezi ebyogerwa akasirise babiwulira okusinga okuleekaana kw'oyo afugira mu basirusiru.
- 18 Amagezi gasinga ebyokulwanyisa: naye omu alina ebibi azikiriza ebirungi bingi.

Essuula 10

- 1 Ensowera enfu ziwunyisa ekivundu amafuta ag'omugavu ag'omufumbi wa kalifuwa: bwe kityo obusirusiru obutono bumalawo amagezi n'ekitiibwa.
- 2 Omutima gw'omugezigezi guba ku mukono gwe ogwa ddyo; naye omutima gw'omusirusiru guba ku mukono gwe ogwa kkono.
- 3 Era, weewaawo, omusirusiru bw'aba nga atambulira mu kkubo, okutegeera kwe ne kumuggwaako, n'agamba buli muntu nga musirusiru.
- 4 Omwoyo gw'omukulu bwe gukugolokokerako, tovanga mu kifo kyo; kubanga okwemenya kukkakkanya okunyiiga okungi.
- 5 Waliwo ekibi kye nnalaba wansi w'enjuba, ekiri ng'okusobya okuva eri omukulu:
- 6 obusirusiru aga butuuzibwa awali ekitiibwa ekinene, abagagga ne batuula mu kifo ekya wansi
- 7 Nalaba abaddu nga beebagadde embalaasi, n'abalangira nga batambula ng'abaddu ku ttaka.
- 8 Asima obunnya aiibugwamu; era awagula olukomera, omusota gulimuluma.
- 9 Buli asimula amayinja galimuluma; n'oyo ayasa enku zimuleetera akabi.
- 10 Ekyuma bwe kikoontera, n'olema okuwagala omumwa gwakyo, kale kikugwanira okweyongera okussaako amaanyi: naye amagezi gagasa okuluamya.
- 11 Omusota bwe guluma nga tegunnalagebwa, kale omulogo taliiko ky'agasa.
- 12 Ebigambo eby'akamwa k'omugezigezi bya kisa; naye emimwa gy'omusirusiru girimira ye yennyini.
- 13 Okusooka kw'ebigambo eby'omu kamwa ke busirusiru: n'enkomerero y'okwogera kwe ddalu erireeta akabi.
- 14 Era omusirusiru ayongerayongera ebigambo: naye omuntu tamanyi ebiribaawo; n'ebiribaawo oluvannyuma lwe ani ayinza okumubuulira?
- 15 Okutegana kw'abasirusiru kubakooyesa bonna kinnoomu, kubanga tamanyi w'aba ayita okugenda mu kibuga.
- 16 Zikusanze, ggwe ensi, kabaka wo bw'aba nga ye mwana muto, abakulu bo ne balya enkya!
- 17 Olina omukisa, ggwe ensi, kabaka wo bw'aba nga ye mwana w'abakungu, abakulu bo baliira, mu ntuuko olw'okufuna amaanyi so si lwa kutamiira!
- 18 Olw'obugayaavu akasolya kabotoka; era olw'okugayaala kw'emikono ennyumba etonnya.
- 19 Embaga bagifumbira kuleeta nseko, n'omwenge gusanyusa obulamu: ne ffeeza eyanukulira byonna.
- 20 Tokolimiranga kabaka, newakubadde mu kulowooza kwo; so tokolimiranga mugagga

mu nju yo mw'osula: kubanga ennyonyi ey'omu bbanga eritwala eddoboosi, n'ekirina ebiwaawaatiro kiribuulira ekigambo ekyo.

Essuula 11

- 1 Suulanga emmere yo ku mazzi: kubanga oligiraba ennaku nnyingi nga ziyiseewo.
- 2 Owenga musanvu omugabo, weewaawo, munaana; kubanga tomanyi ekibi bwe kiriba ku nsi.
- 3 Ebire bwe bijjula enkuba, ne biyiika ku nsi: n'omuti bwe gugwa okwolekera obukiika obwa ddyo oba obwa kkono, mu kifo omuti mwe gugwa we gulibeera.
- 4 Alabirira embuyaga talisiga; n'oyo atunuulira ebire talikungula.
- 5 Nga bw'otomanyi ekkubo ery'empewo bwe liri, newakubadde amagumba bwe gakulira mu lubuto lw'oyo ali olubuto; era bw'oty'o bw'otomanyi mulimu gwa Katonda akola byonna.
- 6 Enkya osiganga ensigo zo, n'akawungeezi toddirizanga mukono gwo: kubanga tomanyi bwe ziri ku zo eziriraba omukisa, oba zino oba ezo, oba zonna ziryenkana okuba ennungi.
- 7 Mazima omusana guwooma, era kigambo kya ssanyu amaaso okulaba enjuba.
- 8 Weewaawo, omuntu bw'awangaala emyaka emingi, agisanyukirenga gyonna; naye ajjukirenga ennaku ez'ekizikiza, kubanga ziriba nnyingi. Byonna ebijja butaliimu.
- 9 Sanyukiranga obuvubuka bwo, ggwe omulenzi; omutima gwo gukusanyusenga mu nnaku ez'obuvubuka bwo, otambulirenga mu makubo ag'omutima gwo ne mu kulaba kw'amaaso go: naye tegeera nga Katonda alikusalira omusango gw'ebyo byonna.
- 10 Kale ggyangawo obuyinike ku mutima gwo, oggyengawo obubi ku mubiri gwo: kubanga obuto n'obuvubuka butaliimu.

Essuula 12

- 1 Era ojjuukiriranga Omutonzi wo mu biro eby'obuvubuka bwo, ennaku embi nga tezinna n'emyaka nga teginnasembera bw'olyogera nti Sigisanyukira n'akamu;
- 2 enjuba n'omusana n'omwezi n'emmunyeenye nga tebinnazikizibwa, ebire ne biko-mawo enkuba ng'emaze okutonnya.
- 3 ku lunaku abakuumi b'ennyumba kwe balikankanira, abasajja ab'amaanyi ne baku-tama, n'abo abasa ne balekayo kubanga batono, n'abo abalingiza mu madirisa ne bazikizibwa,
- 4 enzigi ne ziggawo mu luguudo; eddoboosi ery'okusa nga likkakkanye, ne wabaawo ayimuka olw'okukaaba kw'ennyonyi, n'abawala bonna ab'okuyimba bwe balikkakkanyizibwa;
- 5 weewaawo, balitya ekyo ekigulumizibwa, ebitiisa ne biba mu kkubo; n'omulozi gulimulisa, n'ejjaazi lirizitowa, ne piripiri aliggwaawo: kubanga omuntu agenda mu nnyumba ye ey'olubeerera, abakungubazi ne batambulatambula mu nguudo;
- 6 omugwa ogwa ffeeza nga tegunnasumulukuka, n'ekibya ekya zaabu nga tekinnamenyeka, n'ensuwa nga tennayatika ku luzzi ne nnamuziga nga tannayatika ku kidiba;
- 7 enfuufu n'edda mu ttaka nga bwe yali, omwoyo ne gudda eri Katonda eyagugaba.
- 8 Obutaliimu obusinga obutaliimu bwonna, bw'ayogera Omubuulizi; byonna butaliimu.
- 9 Era nate kubanga Omubuulizi yalina amagezi, ne yeeyongerera okuyigiriza abantu okumanya; weewaawo, yafumiitirizanga n'anoonya n'aliraanya engero nnyingi.
- 10 Omubuulizi yanoonya okulaba ebigambo ebikikirizibwa, n'ebyo ebyawandiikibwa n'obugolokofu, bye bigambo eby'amazima.

- 11** Ebigambo eby'abagezigezi biri ng'emiwunda, era ebigambo eby'ebifunvu by'amakuaaniro biri ng'eninga ezikomererwa obulungi, ebiweebwa okuva eri omusumba omu.
- 12** Era nate, mwana wange, labuka: okukolanga ebitabo ebingi tekuliiko gye kukoma; n'okuyiga ennyo kukooya omubiri.
- 13** Ekigambo ekyo we kikoma wano; byonna biwuliddwa: otyanga Katonda, okwatanga ebiragiro bye; kubanga ekyo bye byonna ebigwanira omuntu.
- 14** Kubanga Katonda alisala omusango gwa buli mulimu, wamu na buli kigambo ekyakwekebwa, oba nga kirungi oba nga kibi.

Oluyimba Iwa Sulemaani

Essuula 1

- 1 Oluyimba olusinga ennyimba, Iwe Iwa Sulemaani
- 2 Annywegere n'okunywegera kw'akamwa ke: Kubanga okwagala kwo kusinga omwenge obulungi.
- 3 Amafuta go gawunya akaloosa; Erinnya Iyo liringanga amafuta agafukibwa; Abawala abatamanyi musajja kyebava bakwagala.
- 4 Mpalula tunaakugoberera mbiro: Kabaka annyngizizza mu bisenge bye: Tunaakusanyukira ne tujaguza, Okwagala kwo tunaakwogerako okusinga omwenge: Bakwagala Iwa nsonga.
- 5 Ndi muddugavu, naye mulungi, Mmwe abawala ba Yerusalemi, Ng'eweema ez'e Kedali. Ng'amagigi ga Sulemaani.
- 6 Temuntunuulira kubanga ndi muddugavu. Kubanga omusana gunjokezza. Abaana ba mmange bansuguwalira, Banfuula omukuumi w'ensuku ez'emizabbibu; Naye olusuku lwange nze saalukuuma.
- 7 Mbuulira, ggwe emmeeme yange gw'eyagala, Gy'oliisiza ekisibo kyo, gy'okigalampiriza mu ttuntu; Kubanga nandibeeredde ki ng'ayambadde ekibikka ku maaso Awali ebisibo bya banno?
- 8 Oba nga tomanyi, ggwe asinga abakazi bonna obulungi, Fuluma okwate ekkubo ogoberere ebigere by'endiga zo, Oliisize abaana b'embuzi zo awali eweema ez'abasumba.
- 9 Nkufaananyizza, ai muganzi wange, Embalaasi eri ku magaali ga Falaawo.
- 10 Amatama go malungi n'emivumbo emirange, Ensingo yo nnungi n'embu ez'eby'obuyonjo.
- 11 Tunaakukolera emivumbo egya zaabu N'amapeesa aga ffeeza.
- 12 Kabaka bwe yali ng'atudde ku mmeeza ye, Amafuta gange ag'omugavu ne gawunya akaloosa kaago.
- 13 Muganzi wange ali gye ndi ng'omuvumbo gwa mooli, Oguteekebwa wakati w'amabeere gange.
- 14 Muganzi wange ali gye ndi ng'ekisaaganda ky'ebimuli ebya kofera Mu nsuku ez'emizabbibu ez'e Engedi.
- 15 Laba, oli mulungi, gwe njagala; laba, oli mulungi; Amaaso go mayiba.
- 16 Laba, oli mulungi, muganzi wange, weewaawo, wa kusanyusa: Era ekitanda kyaffe kya malagala mato.
- 17 Emikiikiro gy'ennyumba yaffe mivule, N'enzooba zaffe nkanaga:

Essuula 2

- 1 Nze ndi kimyula kya Saloni, Eddanga ery'omu biwonvu.
- 2 Ng'eddanga mu maggwa, Gwe njagala bw'ali bw'atyo mu bawala.
- 3 Ng'omucungwa mu miti egy'omu kibira, Muganzi wange bw'ali bw'atyo mu balenzi. Natuula wansi w'ekisiikirize kye n'essanyu lingi, Ebibala bye ne biwoomera amatama gange.
- 4 Yannyngiza mu nju ey'okuliiramu embaga, Ne bendera ye eyali ku nze kwagala:
- 5 Munkwatirire n'ezabbibu enkalu, munsanyuse n'amacungwa; Kubanga okwagala kundwazizza.
- 6 Omukono gwe ogwa kkono guli wansi w'omutwe gwange, N'omukono gwe ogwa ddyo gunkutte.

- 7 Mbalayiza, mmwe abawala ba Yersaalemi, Olw'empewo n'enjaza ez'omu ttale, Muleme okugolokosa newakubadde okuzuukusa okwagala, Okutuusa we kunaayagalira.
- 8 Eddoboozi lya muganzi wange! laba, ajja, Ng'abuukirabuukira ku nsozi, ng'azinira ku busozi.
- 9 Muganzi wange ali ng'empewo oba ennangaazi ento: Laba ayimirira ennyuma w'olukomera lwaffe, Alingiza mu ddirisa, Yeeraga ng'alabikira mu mulimo ogulukibwa ogw'omu kituli.
- 10 Muganzi wange yayogera n'aamba Nti Golokoka, gwe njagala, omulungi gye ndi, tugende tuveewo.
- 11 Kubanga, laba, ttoggo aweddeko Enkuba eyise egenze;
- 12 Ebimuli birabise ku ttaka; Ebiro bituuse ennyonyi mwe ziyimbira, N'eddoboozi lya kaamukuukulu liwulirwa mu nsi yaffe;
- 13 Omutiini gwengeza ettiini zaagwo embisi, N'emizabbibu gimulisizza, Giwunya akaloosa kaagyo. Golokoka, gwe njagala, omulungi gye ndi, tugende tuveewo.
- 14 Ai ejjiba lyange, abeera mu njatika ez'omu jinja, mu bwekwekero obw'ebanga, Ndabe amaaso go, mpulire eddoboozi lyo; Kubanga eddoboozi lyo ddungi n'amaaso go ga kusanyusa.
- 15 Mutukwatire ebibe, ebibe ebite ebyonoona ensuku ez'emizabbibu; Kubanga ensuku zaffe ez'emizabbibu zimulisizza.
- 16 Muganzi wange wange, nange ndi wuwe: Aliisizza ekisibo kye mu malanga.
- 17 Okutuusa obudde nga bukedde ebisiikirize ne biddukira ddala, Kyuka, muganzi wange, obe ng'empewo oba ennangaazi ento Ku nsozi eza Beseri.

Essuula 3

- 1 Ekiro ku kitanda kyange nanoonya omusajja emmeeme yange gw'eyagala: Namunoonya naye ne ssimulaba.
- 2 Ne njogera nti Naagolokoka kaakano ne ntambulatabula mu kibuga, Mu nguudo ne mu bifo ebigazi, Nanoonya omusajja emmeeme yange gw'eyagala: Namunoonya, naye ne ssimulaba .
- 3 Abakuumi abatambulatabula mu kibuga ne bandaba: Ne mbagamba nti Mulabye oyo emmeeme yange gw'eyagala?
- 4 Nnali mbayiseeko katonu, Ne ndaba oyo emmeeme yange gw'eyagala: Ne mmunyweza ne ssikiriza kumuta, Okutuusa lwe nnamuleeta mu nnyumba ya mmange, Ne mu kisenge ky'oyo anzaala.
- 5 Mbalayiza, mmwe abawala ba Yersaalemi, Olw'empewo n'enjaza ez'omu ttale, Muleme okugolokosa newakubadde okuzuukusa okwagala, Okutuusa we kunaayagalira.
- 6 Ani ono ajja ng'alinnya ng'ava mu ddungu afaanana empagi ez'emikka, Asiigibwa eby'akaloosa ebya mooli n'omugavu, N'eddagala lyonna ery'omusuubuzi?
- 7 Laba, ke kadyeri ka Sulemaani; Abasajja ab'amaanyi nkaaga bakeetoolodde, Ku basajja ab'amaanyi aba Isiraeri.
- 8 Bonna bakwata ekitala, ba magezi okulwana: Buli muntu yeesiba ekitala kye mu kiwato, Olw'entiisa ekiro.
- 9 Kabaka Sulemaani yeekolera eggaali Ey'emiti egy'oku Lebanoni.
- 10 Empagi zaayo yazikola za ffeeza. Wansi waayo zaabu, entebe yaayo lugoye lwa ffu-lungu, Wakati waayo nga waalire n'okwagala, Okuva eri abawala ba Yersaalemi.
- 11 Mufulumu, mmwe abawala ba Sayuuni, mutunuulire kabaka Sulemaani, Ng'alina engule nnyina gy'amutikkiridde ku lunaku kw'afumbiriddwa, Era ku lunaku omutima

gwe kwe gusanyukira.

Essuula 4

- 1 Laba, oli mulungi, gwe njagala; laba, oli mulungi; Amaaso go mayiba ennyuma w'olugoye lw'ogabisseeko: Enviiri zo ziri ng'eggana ly'embuzi, Ezigalamidde ku mbiriizi z'olusozi Gireyaadi.
- 2 Amannyo go gali ng'eggana ly'endiga ezaakajja zisalibweko ebyoya, Ezirinye okuva mu kunaazibwa; Buli emu ku zo ng'ezadde abaana abalongo, So tekuli ku zo efiirid-dwa n'emu.
- 3 Emimwa gyo giri ng'ewuzi ey'olugoye olutwakaavu, N'akamwa ko kalungi: Ekyenyi kyo kiri ng'ekitundu ky'ekkomamawanga Ennyuma w'olugoye lw'obisse ku maaso.
- 4 Ensingo yo eri ng'ekigo kya Dawudi ekyazimbibwa okuterekamu ebyokulwanyisa, Omuwanikibwa engabo olukumi, Engabo zonna ez'abasajja ab'amaanyi.
- 5 Amabeere go gombi gali ng'abalongo ababiri abaana b'empeewo, Abaliira mu malanga.
- 6 Okutuusa obudde nga bukedde, ebisiikirize ne biddukira ddala, Neengendera eri olusozi olwa mooli. N'eri akosozi ak'omugavu.
- 7 Oli mulungi wenna, gwe njagala; So ku ggwe tekuli bbala.
- 8 Jjangu tugende ffembi okuva ku Lebanooni, mugole wange, Ffembi okuva ku Lebanooni: Lengera ng'oyima ku ntikko ya Amana, Ku ntikko ya Seniri ne Keru-mooni, Ng'oyima awali empuku ey'empologoma, Ku nsozi ez'engo.
- 9 Osanyusizza omutima gwange mwannyinaze, mugole wange Osanyusizza omutima gwange n'eriiso lyo erimu, N'omukuufu ogumu ogw'omu bulago bwo.
- 10 Okwagala kwo nga kulungi mwannyinaze, mugole wange Okwagala kwo nga kusinga nnyo omwenge; N'amafuta go ag'omugavu nga gasinga nnyo eby'akaloosa eby'engeri zonna okuwunya obulungi!
- 11 Emimwa gyo, ai mugole wange, gitonnya ag'ebisenge by'enjuki: Omubisi gw'enjuki n'amata biri wansi w'olulimi lwo; N'okuwunya kw'ebyambalo byo kuli ng'okuwunya kwa Lebanooni.
- 12 Mwannyinaze, mugole wange, lwe lusuku olwasibibwa; Lwe luzzi olwasibibwa, ye nsulo eyateekebwako akabonero.
- 13 Ebimera byo lusuku lwa mikomamawanga, olulina ebibala eby'omuwendo omungi; Kofera n'emitu egy'omugavu:
- 14 Omugavu ne kalikomu, Kalamo ne kinamomo, n'emitu gyonna egy'omugavu; Mooli ne akalosi, wamu n'eby'akaloosa byonna ebisinga obulungi.
- 15 Ggwe nsulo y'ennimiro, Oluzzi olw'amazzi amalamu, Era emigga egikulukuta egiva ku Lebanooni.
- 16 Muzuukuke, mmwe embuyaga eziva obukiika obwa kkono; nammwe mujje, ez'obukiika obwa ddyo: Mukuntire ku nnimiro yange, eby'akaloosa ebyamu bikulukute. Muganzi wange ajje mu nnimiro ye; Alye ebibala bye eby'omuwendo omungi.

Essuula 5

- 1 Nzize mu nnimiro yange, mwannyinaze mugole wange: Nnoze mooli yange n'eby'akaloosa byange; Ndidde ebisenge byange eby'enjuki n'omubisi gwange; Nnywedde omwenge gwange n'amata gange. Mulye, mmwe ab'omukwano; Munyiwe, weewaawo, mukute, mmwe baganzi bange.
- 2 Nnali neebase, naye omutima gwange nga gulaba: Lye ddooboozi lya muganzi wange, akoona ng'ayogera nti Nzigulira, mwannyinaze, gwe njagala, ejjiba lyange, owange

ataliiko bbala: Kubanga omutwe gwange gutobye omusulo, Emivumbo gy'enviiri zange gitobye amatondo eg'ekiro.

- 3 Nnyambudde ekizibawo kyange; naakyambala ntya? Nnaabye ebigere: naabyonoona ntya?
- 4 Muganzi wange n'ayingiza omukono gwe awali ekituli eky'omu luggi, Omwoyo ne gunnuma ku lulwe.
- 5 Ne ngolokoka okuggulirawo muganzi wange; Emikono gyange ne gitonnya mooli, N'engalo zange nga zitonnya mooli ekulukuta, Ku mikonda egy'ekisiba.
- 6 Ne nzigulirawo muganzi wange; Naye muganzi wange yali nga yeegendedde, ng'avuddewo. Omwoyo gwange gubadde guntyemuse bw'ayogedde: Ne mmunoonya, naye ne ssiyiza kumulaba; Ne mmuyita, naye n'atanziramu.
- 7 Abakuumi abatambulatabula mu kibuga ne bandaba, Ne bankuba ne banfumita; Abakuumi ba bbugwe ne banziyako omunagiro gwange.
- 8 Mbalayiza, mmwe abawala ba Yersaalemi, bwe munaalaba muganzi wange, Mumubuulirenga ng'okwagala kugenda kunzita.
- 9 Muganzi wo, kye ki okusinga omuganzi omulala, Ggwe akira abakazi bonna obulungi? Muganzi wo kye ki okusinga omuganzi omulala, N'okulayiza n'otulayiza bw'otyoyo?
- 10 Muganzi wange mutukuvu era mummyufu Atabula mu kakumi.
- 11 Omutwe gwe guli nga zaabu ennungi ennyo nnyini, Emivumbo gy'enviiri ze gya masadde era middugavu nga nnamuona.
- 12 Amaaso ge gali ng'amayiba ku mabbali g'obugga obw'amazzi; Agaanaazibwa n'amata era agaatekebawamu obulungi.
- 13 Amatama ge gali ng'omusiri ogw'emiddo egy'akaloosa, ng'ebifunvu ebimerako enva eziwunya obulungi: Emimwa gye giri ng'amalanga, nga gitonnya mooli ekulukuta.
- 14 Emikono gye giri ng'empeta eza zaabu ezitekebawamu berulo: Omubiri gwe guli ng'omulimu ogw'amasanga ogubikkiddwako safiro.
- 15 Amagulu ge gali ag'empagi ez'amayinja amanyirivu ezisimbibwa ku binnya ebya zaabu ennungi: Enfaanana ye eri nga Lebanoni, ewooma nnyo nayini ag'emivule.
- 16 kamwa ke kalungi nnyo nnyini: weewaawo, yenna wa kwagalwa. Muganzi wange bw'ali bw'atyoyo, era bw'ali bw'atyoyo mukwano gwange, Mmwe abawala ba Yersaalemi.

Essuula 6

- 1 Muganzi wo agenze wa, Ggwe akira abakazi bonna obulungi? Muganzi wo yeekyusiririzza wa, Tumunoonyeze wamu naawe?
- 2 Muganzi wange aserengetedde mu nnimiro ye mu misiri egy'emiddo egy'akaloosa, Okuliira mu nnimiro, n'okunoga amalanga.
- 3 Nze ndi wa muganzi wange, ne muganzi wange wange: Aliisa ekisibo kye mu malanga.
- 4 Oli mulungi, ai gwe njagala, nga Tiruza, Owooma nga Yersaalemi, Wa ntiisa ng'eggye eririna ebendera.
- 5 Nziyaako amaso go, Kubanga gampangudde. Enviiri zo ziri ng'eggana ly'embuzi, Ezigalamira ku mbiriizi z'olusozi Gireyaadi.
- 6 Amannyo go, gali ng'eggana ly'endiga enkazi, Ezirinnye okuva mu kunaazibwa; Buli emu ku zo ng'ezadde abaana abalongo, So tekuli ku zo efiiriddwa n'emu.
- 7 Ekyenyi kyo kiri ng'ekitundu ky'ekkomamawanga Ennyuma w'olugoye lw'obisse ku maaso.
- 8 Waliwo bakabaka abakazi nkaaga, n'abazaana kinaana, N'abawala abatamanyi

musajja abatabalika.

- 9 Ejjiba lyange, owange ataliiko bbala, ali omu yekka; Mwana wa nnyina omu yekka; Mulonde w'omukazi amuzaala. Abawala baamulaba ne bamuyita eyaweebwa omukisa; Bakabaka abakazi n'abazaana baamulaba ne bamutendereza.
- 10 Ani oyo atunula ng'emmambya: Omulungi ng'omwezi, Atangalijja ng'enjuba, Ow'entiisa ng'eggye eririna ebendera?
- 11 N'aserengetera mu nnimiro ey'emmere erimu emiramwa, Okulaba ebisimbe ebibisi eby'omu kiwonvu, Okulaba omuzabbibu oba nga gumulisizza, N'emikomamawanga oba nga gyanyizza.
- 12 Nga sinnamanya emmeeme yange ne nteeka Mu magaali g'abantu bange ab'ekikungu.
- 13 Komawo, komawo, ggwe Omusulamu; Komawo, komawo, tukutunuulire. Kiki ekibaagaza okutunuulira Omusulamu, Ng'amazina ga Makanayimu?

Essuula 7

- 1 Ebigere byo nga birungi mu ngatto, ggwe omwana w'omulangira! Ennyingo z'ebisambi byo ziri ng'ebuyonjo, Omulimu ogw'emikono gy'omukozi omukabakaba.
- 2 Ekkundi lyo kikompe kyekulungirivu, Omutabuze mwenge gwonna ogutabulwa: Olubuto lwo ntuumu ya aano Eyonjebwa n'amalanga.
- 3 Amabeere go gombi gali ng'abalongo ababiri Abaana b'empeewo.
- 4 Ensingo yo eri ng'ekigo eky'amasanga; Amaaso go gali nga ebidiba ebiri mu Kesuboni, awali omulyango ogw'e Basulabbimu: Ennyindo yo eri ng'ekigo eky'oku Lebanooni Ekyolekera Ddamasiko.
- 5 Omutwe gwo guli ku ggwe nga Kalumeeri, N'enviiri ez'oku mutwe gwo ng'olugoye olw'effulungu; Kabaka emibumbo gyazo gimusiba.
- 6 Ng'oli mulungi, ng'owoomerera, Ai gwe njagala, olw'okusanyusa!
- 7 Obuwanvu bwo buno buli ng'olukindu, N'amabeere go ng'ebirimba by'ezabbibu.
- 8 Nayogera nti Naalinya mu lukindu olwo, Naakwata amatabi gaalwo: Amabeere go gabe ng'ebirimba eby'oku muzabbibu, N'akawoowo k'omukka gwo ng'amacungwa;
- 9 N'akamwa ko ng'omwenge ogusinga obulungi, Ogumirwa obulungi oyo gwe njagala, nga guseeyeeya, Nga guyita mu mimwa gy'abo abeebase.
- 10 Nze ndi wa muganzi wange, N'okwegomba kwe kuli eri nze.
- 11 Jjangu, muganzi wange, tufulume mu nsiko; Tusule mu byalo.
- 12 Tugende munsuku z'emizabbibu mu makya; Tulabe omuzabbibu oba nga giunulisizza, n'ekimuli kyagwo oba nga kyeyanjuluzza, N'emikomamawanga oba nga gyanyizza: Naakuweera eyo okwagala kwange.
- 13 Amadudayimu gawunya kaloosa, Ne ku nzigi zaffe waliwo ebibala eby'omuwendo omungi eby'engeri zonna, ebiggya n'ebikadde, Bye nkuterekedde, ai muganzi wange.

Essuula 8

- 1 Singa obadde nga muganda wange, Eyayonka amabeere ga mmange Bwe nnandikula-bye ebweru, nandikunywegedde; Weewaawo, so tewandibaddewo eyandinnyoomye.
- 2 Nandikulese ne nkuyingiza mu nnyumba ya mmange, Eyandinjigirizza; Nandikuny-wesezza omwenge ogutabuddwamu eby'akaloosa, Ku mazzi g'ekkomamawanga lyange.
- 3 Omukono gwe ogwa kkono gwandibadde wansi w'omutwe gw'ange, N'omukono gwe ogwa ddyo gwandimpambaatidde.

- 4 Mbalayiza, mmwe abawala ba Yerusaalemi, Muleme okugolokosa newakubadde okuzuukusa okwagala, Okutuusa we kunaayagalira.
- 5 Mukazi ki ono ajja ng'alinnya okuva mu ddungu, Nga yeesigama ku muganzi we? Nakuzukusa wansi w'omucungwa: Eyo nnyoko gye yalumirwa okukuzaala, Eyo gye yalumirwa oyo eyakuzaala.
- 6 Nteeka ku mutima gwo ng'akabonero, ku mukono gwo ng'akabonero: Kubanga okwagala kwenkana okufa amaanyi; Obuggya bwenkana amagombe obukambwe: Okumyansa kwabwo kumyansa kwa muliro, Okwokya kwennyini okwa Mukama.
- 7 Amazzi amangi tegayinza kuzikiza kwagala, So n'ebitaba tebiyinza kukutta: Omuntu bw'akkiriza okuwaayo ebintu byonna eby'omu nnyumba ye olw'okwagala, Yandiny-oomereddwa ddala.
- 8 Tulina mwannyinaffe omuto, Era tannaba na mabeere: Tulimukola tutya mwannyinaffe Ku lunaku lwe balimwogererezaako?
- 9 Oba nga bbugwe, Tulimuzimbako ekigo kya ffeeza, Era oba nga luggi, Tulimubikkako embaawo ez'emivule.
- 10 Ndi bbugwe, n'amabeere gange gali ng'ebigo byako: Ne ndyoka mbeera mu maaso ge ng'omuntu alabye emirembe.
- 11 Sulemaani yalina olusuku lw'emizabbibu e Baalukamooni; Yasigira olusuku abalimi; Olw'ebibala byamu buli muntu yasalirwa ebitundu ebya ffeeza lukumi.
- 12 Olusuku lwange olw'emizabbibu, olwange, luli mu maaso gange; Ggwe, Sulemaani, onoobanga n'olukumi olwo, N'abo abakuuma ebibala byamu bikumi bibiri.
- 13 Ggwe abeera mu nnimiro, Banno bawuliriza eddoozi lyo: Limpulize.
- 14 Yanguwa, muganzi wange, Obeere ng'empeewo oba ennangaazi ento Ku nsozi ez'eby'akaloosa.

Isaaya

Essuula 1

- 1 Okwolesebwa kwa Isaaya omwana wa Amози, kwe yalabanga ku Yuda ne Yerusaalemi, mu mirembe gya Uzziya, Yosamu, Akazi; ne Keezeekiya, bassekabaka ba Yuda.
- 2 Wulira ggwe Eggulu era tega okutu, ggwe Ensi, kubanga Mukama ayogedde: nayonsa ne ndera abaana, ne banjeemera,
- 3 Ente emanya nnyini yo, n'endogoyi emanya ekisibo kya mukama waayo: naye Isiraeri tamanyi, abantu bange tebalowooza.
- 4 Woowe eggwanga eririna ebibi, abantu abazitoowereddwa n'obutali butuukirivu, ezzadde ery' abakola obubi, abaana aboonoona: balese Mukama, banyoomye Omutukuvu wa Isiraeri, basenguse bazze ennyuma.
- 5 Ekibaagaza ki okukubibwa nate, n'okweyongera ne mweyongera okujeema? omutwe gwonna gulwadde, n'omutima gwonna guzirise.
- 6 Okuva munda w'ekigere okutuuka ku mutwe temuliimu bulamu; wabula ebiwundu, n'okuzimba, n'amabwa amavundu: tebibunizibwanga so tebisibibwanga so tebiteekebwangamu mafuta.
- 7 Ensi yammwe ezise; ebibuga byammwe byokeddwa omuliro; ensi yammwe, ab'amawanga bagiriira mu maaso gammwe, era ezise, kubanga ab'amawanga bagisudde.
- 8 Era omuwala wa Sayuuni asigadde ng'ensiisira eri mu lusuku lw'emizabbibu, ng'ekikumirwamu ekiri mu nnimiro y'emyungu, ng'ekibuga ekizingizibwa.
- 9 Mukama ow'eggye singa teyatulekerawo kitundu ekyafikkawo ekitono ennyo, twandibadde nga Sodomu, twandifaananye nga Ggomola.
- 10 Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abafuga Sodomu; mutege okutu eri amateeka ga Katonda waffe, mmwe abantu ab'e Ggomola.
- 11 Zigasa ki ssaddaaka zammwe enkumu ze munsalira, bw'ayogera Mukama: nzikuse endiga ennume enjokye eziweebwayo n'amasavu g'ensolo ensibe; so sisanyukira musaayi gwa nte, newakubadde ogw'abaana b'endiga, newakubadde ogw'embuzi emmandwa.
- 12 Bwe mujja okulabika mu maaso gange, ani eyabasalira kino, okulinnirira empya zange?
- 13 Temuleetanga nate bitone ebitaliimu; obubaane bwa muzizo gye ndi; emyezi egibonese ne ssabiiti, okuyita amakuaaniro, sisobola butali butuukirivu na kukuaana kwa ddiini.
- 14 Emyezi gyammwe egibonese n'embaga zammwe eziragiddwa obulamu bwange bubikyawa: kwe kutegana gye ndi; nkooye okubigumiikirizanga.
- 15 Era bwe munaayanjalanga engalo zammwe, naabakwekanga amaaso gange: weewaawo, bwe munaasabanga ebigambo ebingi, siiwulirenga: emikono gyammwe gijjudde omusaayi.
- 16 Munaabe, mwerongoose; muggyengawo obubi bw'ebikolwa byammwe bive mu maaso gange; mulekenga okukola obubi:
- 17 muyige okukolanga obulungi; mugobererenga eby'ensonga; mudduukirirenga ajoogebwa, musalenga omusango gw'atalina kitaawe, muwolerezenga nnamwandu.
- 18 Mujje nno, tuteese bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebiyoya by'endiga.
- 19 Bwe munaagondanga nemuwulira; munaalyanga ebirungi eby'ensi:

- 20 naye bwe munaagaananga ne mujeemanga, munaaliibwanga n'ekitala: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde.
- 21 Ekibuga ekyesigwa nga kifuuse omwenzi! oyo eyajjulanga emisango egy'ensonga! obutuukirivu bwatuulanga mu ye, naye kaakano bassi.
- 22 Effeeza yo efuuse masengere, omwenge gwo gutabudwamu amazzi.
- 23 Abalangira bo bajeemu, mikwano gya babbi; buli muntu yeegomba enguzi, era agob-erera empeera: tebasala musango gw'atalina kitaawe, so n'ensonga ya nnamwandu tetuuka gye bali.
- 24 Kyava ayogera Mukama, Mukama ow'eggye, Owaamaanyi owa Isiraeri, nti A, ndyeg-gyako abalabe bange, era ndiwalana eggwanga ku abo abankyawa:
- 25 era ndikuteekako omukono gwange, ne nnongooseza ddala amasengere go gonna, ne nziyawo essasi lyo lyonna:
- 26 era ndikomyawo abalamuzi bo ng'olubereberye, n'abateesa ebigambo byo nga mu kusooka: oluvannyuma oliyitibwa nti Ekibuga eky'obutuukirivu, ekibuga ekyesigwa.
- 27 Sayuuni alinunulibwa n'omusango n'abakyufu be n'obutuukirivu.
- 28 Naye okuzikirira kw'aboononyi n'abalina ebibi kulibeera wamu n'abo abaleka Mukama balimalibwawo.
- 29 Kubanga ensonyi ziribakwata olw'emivule gye mwegomba, era muliswazibwa olw'ensuku ze mweroboza.
- 30 Kubanga muliba ng'omuvule oguwotoka amalagala, era ng'olusuku omutali mazzi.
- 31 Era ow'amaanyi aliba ng'enfuuzi, n'omulimu gwe ng'olusasi olw'omuliro; era byombi biriggiira wamu, so tewaliba abizikiza.

Essuula 2

- 1 Ekigambo Isaaya omwana wa Amози kye yalaba ku Yuda ni Yerusaalemi.
- 2 Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, olusozi olw'ennyumba ya Mukama luliny-wezebwa ku ntikko y'ensozi era luligulumizibwa okukira ensozi; era amawanga gonna galikulukutira ku lwo.
- 3 Era amawanga mangi agalyambuka ne googera nti Mujje, twambuke eri olusozi lwa Mukama, eri ennyumba ya Katonda wa Yakobo; era anaatuyigirizanga ku makubo ge, naffe tunaatambuliranga mu mpenda ze kubanga mu Sayuuni mwe mulifuluma ama-teeka, n'ekigambo kya Mukama mu Yerusaalemi.
- 4 Era aliramula mu mawanga, era alinenya abantu bangi: era baliweesa ebitala byabwe okubifuula enkumbi, n'amafumu gaabwe okugafuula ebiwabyo eggwanga teririyimusa kitala eri eggwanga linnaalyo, so tebaliyiga kulwana nate.
- 5 Mmwe ennyumba ya Yakobo mujje tutambulire mu musana gwa Mukama.
- 6 Kubanga waleka abantu bo ennyumba ya Yakobo, kubanga bajjudde empisa ezaava ebuvanjuba, era balaguzi nga Abafirisuuti, era bakubagana mu ngalo n'abaana b'ab'amawanga.
- 7 Era ensi yaabwe ejjudde effeeza n'ezaabu, so n'obugagga bwabwe tebuliiko gye bukoma; era ensi yaabwe ejjudde embalaasi, so n'amagaali gaabwe tegaliiko gye gakoma.
- 8 Era ensi yaabwe ejjudde ebifaananyi; basinza omulimu gw'emikono gyabwe bo, engalo zaabwe bo gwe zaakola.
- 9 Omukopi n'avuunama, n'omukulu yeetoowaza: kyova olema okubasonyiwa.
- 10 Yingira mu lwazi, weekweke mu nfuufu, mu maaso g'entiisa ya Mukama, ne mu maaso g'ekitiibwa ky'obukulu bwe;
- 11 Okulalambala kw'abantu kuliwanulibwa, n'amalala g'abantu galikutamizibwa, era Mukama yekka ye aligulumizibwa ku lunaku olwo.

- 12 Kubanga walibaawo olunaku lwa Mukama ow'eggye eri ebyo byonna ebyekuza ebirina amalala, n'eri byonna ebigulumizibwa; era biriwanulibwa;
- 13 n'eri enfugo zonna eza Lebanooni, empanvu ezigulumizibwa, n'eri emivule gyonna egya Basani;
- 14 n'eri ensozi zonna empanvu, n'eri obusozi bwonna obugulumizibwa;
- 15 n'eri buli kigo ekiwanvu, n'eri buli bbugwe aliko ekkomera;
- 16 n'eri ebyombo byonna eby'e Talusiisi, n'eri ebifaananyi byonna eby'okwesiima.
- 17 Era okugulumizibwa kw'abantu kulikutamizibwa, n'amalala g'abantu galiwanulibwa; era Mukama yekka ye aligulumizibwa ku lunaku olwo.
- 18 N'ebifaananyi biriggweerawo ddala.
- 19 Era abantu baligenda mu mpuku ez'amayinja, ne mu bunny obw'ettaka, okuva mu maaso g'entiisa ya Mukama, ne mu maaso g'ekitiibwa ky'obukulu bwe, bw'aligolokoka okukankanya ensi n'amaanyi.
- 20 Ku lunaku olwo omuntu alisuulira ddala ebifaananyi bye eby'effeeza n'ebifaananyi bye eby'ezaabu, bye baamukolera okusinzanga, eri emmese n'eri ebinyira;
- 21 bagende mu mpuku ez'amayinja, ne mu nkonko ez'amayinja amaatifu, okuva mu maaso g'entiisa ya Mukama, ne mu maaso g'ekitiibwa ky'obukulu bwe, bw'aligolokoka okukankanya ensi n'amaanyi.
- 22 Muleke abantu, omukka gwabwe guli mu nnyindo zaabwe: kubanga ekinaaba kibalwoozesa kiki?

Essuula 3

- 1 Kubanga; laba, Mukama, Mukama ow'eggye, aggya ku Yerusaalemi ne ku Yuda ekibeesiguza n'ekyo kwe banyweredde, ekibeesiguza kyonna eky'emmere, n'ekibeesiguza kyonna eky'amazzi;
- 2 omusajja ow'amaanyi, n'omusajja omuzira; omulamuzi, ne nnabbi, n'omulaguzi, n'omukadde;
- 3 omukulu ow'amakumi ataano n'ow'ekitiibwa n'ateesa ebigambo ne ffundi ow'amagezi n'omufumu ow'obukabakaba.
- 4 Era ndireeta abaana okuba abalangira baabwe, era abaana abawere balibafuga.
- 5 Era abantu balijoogebwa, buli muntu munne, na buli muntu muliraanwa we: omuto aligirira ekyejo omukadde, n'omukopi aligirira ekyejo ow'ekitiibwa.
- 6 Omuntu bw'alikwata muganda we mil nnyumba ya kitaawe, ng'ayogera nti Ggwe olina eby'okwambala, beera mufuzi waffe ggwe, a'okubula kuno kubeere wansi w'omukono gwo:
- 7 ku lunaku olwo aliyimusa eddobozi lye, ng'ayogera nti Sijja kuba muwonya; kubanga mu nnyumba yange temuli mmere newakubadde eby'okwambala: temujja kunfuula mufuzi wa bantu.
- 8 Kubanga Yerusaalemi kizikiridde, ne Yuda agudde: kubanga olulimi lwabwe n'ebikolwa byabwe biwakanya Mukama, okusunguwaza amaaso ag'ekitiibwa kye.
- 9 Ekifaananyi ky'obwenyi bwabwe kitegeeza nga gubasinze; era babuulira ekibi kyabwe nga Sodomu, tebakikisa. Zisanze obulamu bwabwe! kubanga beesasulidde bokka obubi.
- 10 Mwogere ku mutuukirivu nti anaabanga bulungi: kubanga banaalyanga ebibala by'ebikolwa byabwe.
- 11 Zisanze omubi anaabanga bubi: kubanga anaaweebwanga empeera y'engalo ze.
- 12 Abantu bange abaana abato be babajooga, era abakazi be babafuga. Woowe abantu bange, ababakulemba babakyamya, era bazikiriza ekkubo lyammwe eritambulirwamu.

- 13 Mukama ayimirira okuwoza, era ayimirira okusala omusango gw'amawanga.
- 14 Mukama alisala omusango gw'abakadde b'abantu be n'abalangira baabwe: Mmwe mwaliira ddala olusuku lw'emizabbibu; omunyago gw'omwavu guli mu nnyumba zammwe:
- 15 mubadde ki okubetentanga abantu bange, n'okusanga amaaso g'abaavu? bw'ayogera Mukama, Mukama ow'eggye.
- 16 Era nate Mukama yayogera nti Kubanga abawala ba Sayuuni balina amalala, era batambula nga balalambaza ensingo era nga balina amaaso ag'obukaba, nga batambula era nga bakumba bwe bagenda, era nga bavuzza ebigere byabwe:
- 17 Mukama kyaliva alwaza ebikakampa obwezinge bw'omutwe gw'abawala ba Sayuuni, Mukama n'abikkula ku nsonyi zaabwe.
- 18 Ku lunaku olwo Mukama aliggyako obuyonjo bw'amasamba gaabwe, n'enkundulu zaabwe, n'ebifaanana ng'emyezi;
- 19 n'emijugo, n'emisagga, n'engoye ez'oku maaso;
- 20 ebirembe, n'obudangadi, n'enneebagyo, n'obucupa obw'akaloosa, n'ensiriba;
- 21 empeta n'empeta ez'omu nnyindo;
- 22 engoye ez'amabala, n'eminagi, n'essuuka, n'ensawo;
- 23 endabirwamu, ne bafuta, n'ebirembe, n'ezibikka ku mitwe.
- 24 Awo olulituuka awaali eby'akaloosa walibaawo ekivundu; n'awaali olwebagyo mugwa; n'awaali enviiri ensunsule obulungi kiwalata; n'awaali ekizibawo kwesiba kibukutu: awaali obuyonjo kwokebwa.
- 25 Abasajja bo ekitala kiribatta, n'abazira bo balifiira mu ntalo.
- 26 N'enzi ze zirikaaba ziriwuubaala; era ye aliba munaku, alituula ku ttaka.

Essuula 4

- 1 Era abakazi musanvu balyekwata ku musajja omu ku lunaku luli, nga boogera nti Tunaalyanga emmere yaffe ffe, era tunaayambalanga ebyambalo byaffe ffe: kyokka tutuumibwe erinnya lyo; otuggyeko ekivume kyaffe.
- 2 Ku lunaku luli ettabi lya Mukama liriba ddungi era lya kitiibwa, n'ebibala by'ensi biribawoomera nnyo abo abawonye ku Isiraeri, biriba birungi.
- 3 Awo olulituuka, oyo asigadde mu Sayuuni n'oyo abeera mu Yersaalemi, aliyitibwa mutukuvu, ye buli muntu awandiikibwa mu balamu mu Yersaalemi:
- 4 Mukama bw'aliba ng'anaalizza ddala empitambi y'abawala ba Sayuuni, era ng'amazeemu omusaayi gwa Yersaalemi wakati mu kyo, olw'omwoyo ogw'omusango, era olw'omwoyo ogw'okwokya.
- 5 Era Mukama alitondera ku buli nnyumba ey'olusozi Sayuuni ekire n'omukka emisana, n'okumasamasa kw'omuliro ogwaka ekiro: kubanga waggulu ku kitiibwa kyonna kulibaako ekiritimbibwako.
- 6 Era walibaawo eweema okuba ekisiikirize emisana eri olubugumu, n'okuba ekidukiro era omwekwekebwa.

Essuula 5

- 1 Nnyimbire muganzi wange oluyimba olw'omwagalwa wange ebigambo by'olusuku lwe olw'emizabbibu. Muganzi wange yalina olusuku olw'emizabbibu ku lusozi olugimu ennyo:
- 2 n'alusimira olusalosalo, n'alusigulamu amayinja gaamu, n'alusimbamu omuzabbibu omulungi ennyo nnyini, n'aluzimbamu wakati ekigo, era n'alusimamu essogolero: n'asuubira lubale zabbibu, ne lubala zabbibu ez'omu nsiko.

- 3 Kale nno, mmwe abatuula mu Yerusalemi nammwe abasajja ba Yuda, mutusalire omusango, mbeegayiridde, nze n'olusuku lwange olw'emizabbibu.
- 4 Nandiyinzizza kukola ki nate olusuku lwange olw'emizabbibu kye nnalema okulukola? Bwe nnasuubira lubale zabbibu, ekyalubaza zabbibu ez'omu nsiko kiki?
- 5 Kale nno kaakano ka mbategeeze kye nnaakola olusuku lwange olw'emizabbibu: naggyako olukomera lwalwo, era luliriirwa ddala; naamenyera ddala ekisaakaate kyalwo, era lulirinnyirwa ddala:
- 6 era naaluzisa; tebaalusalirenga so tebaalulimenga; naye mulimeramu emyeramannyo n'amaggwa: era ndiragira ebire obutalutonnyesangako nkuba.
- 7 Kubanga olusuku olw'emizabbibu olwa Mukama ow'eggye ye nnyumba ya Isiraeri, n'abasajja ba Yuda kye kisimbe kye ekimusanyusa: yasuubira okusala ensonga, naye, laba, kujooga; obutuukirivu, naye, laba, kukaaba.
- 8 Zibasanze abo abagatta ennyumba n'ennyumba ginnaayo, abongera ennimiro ku nnimiro ginnaayo, okutuusa ebbanga lwe liggwaawo, nammwe n'okutuula ne mutuula mwekka wakati mu nsi!
- 9 Mu matu gange ayogera Mukama ow'eggye nti Mazima ennyumba nnyingi ziriba bifulukwa, ennene era ennungi, nga tewali azituulamu.
- 10 Kubanga ensuku ez'emizabbibu kkumi zinaavangamu ekibbo kimu, n'ogusera ogw'ensigo gunaavangamu ekibbo kimu kyokka.
- 11 Zibasanze abo abakeera enkya mu makya okugolokoka, bagoberere ekitamiiza; abalwawo ekiro okutuusa ettumbi omwenge ne gubalalusa!
- 12 Era ennanga n'entongooli, ebitaasa n'endere, n'omwenge biri mu mbaga zaabwe: naye tebalowooza mulimu gwa Mukama, so tebannassa ku mwoyo okukola kw'engalo ze.
- 13 Abantu bange kyebavudde bagenda mu bunyage, olw'okubulwa okumanya: n'abasajja baabwe ab'ekitiibwa balumiddwa enjala, n'ekibiina kyabwe ennyonta ebase.
- 14 Amagombe kyegavudde gagaziya okwegomba kwago, era gaasamizza akamwa kaago ekitayasamizika: n'ekitiibwa kyabwe n'obungi bwabwe n'oluyoogaano lwabwe n'oyo asanyuka mu bo bikka omwo.
- 15 Era omukopi akutamizibwa, n'omukulu atoowazibwa, n'amaaso g'ab'amalala gatoowazibwa:
- 16 naye Mukama ow'eggye agulumizibwa olw'omusango, era Katonda Omutukuvu atukuzibwa olw'obutuukirivu.
- 17 Abaana b'endiga ne ziryoka zirya nga mu ddundiro lyazo, era ebifo ebyazika eby'abagevvu abatambuze balibirya.
- 18 Zibasanze abo abawalula obutali butuukirivu n'akagwa ak'obulimba, abawalula ekibi nga n'omugwa ogw'eggaali:
- 19 aboogera nti Ayanguyeeko, asambyeko omulimu gwe tugulabe: n'okuteesa kw'Omutukuvu wa Isiraeri kusembere kutuuke tukumanye!
- 20 Zibasanze abo abayita ekibi ekirungi, n'ekirungi ekibi; abateeka ekizikiza mu kifo ky'omusana, n'omusana mu kifo ky'ekizikiza; abateeka okukaawa mu kifo ky'okuwoomerera, n'okuwoomerera mu kifo ky'okukaawa!
- 21 Zibasanze abo abalina amagezi mu maaso gaabwe bo, era abakabakaba mu kulaba kwabwe bo!
- 22 Zibasanze abo abalina amaanyi okunywa omwenge, era abazira okutabula ekitamiiza:
- 23 abateeka obutuukirivu ku babi olw'enguzi; era abaggya ku mutuukirivu obutuukirivu bwe!
- 24 Kale ng'olulimi lw'omuliro bwe lyokya ensambu, era ng'essubi ekkalu bwe likka mu muliro, bwe kityo ekikolo kyabwe kiriba ng'ekivundu, n'ekimuli kyabwe kirifumuuka ng'enfuufu: kubanga baagaananga amateeka ga Mukama ow'eggye, era baanyoomanga ekigambo eky'Omutukuvu wa Isiraeri.

- 25 Obusungu bwa Mukama kyebuvudde bububuuka ku bantu be, era agolodde omukono gwe okubalumba, era abasse, ensozi ne zikankana; n'emirambo gyabwe ne giba ng'ebisasiro wakati mu nguudo. Ebyo byonna bimaze okubaawo naye obusungu bwe tebunnaba kuggibwawo, naye omukono gwe gukyagoloddwa.
- 26 Era aliyimusiza amawanga ebendera ng'ayima wala, alibakoowoola ng'ayima ku nkomerero y'ensi: era, laba, balyanguwa mangu okujja:
- 27 tewaliba mu bo alikoowa newakubadde alyesittala; tewaliba alibongoota newakubadde alyebaka; so n'olukoba lwe beesiba terulisumulukuka, so n'olukoba lw'engatto zaabwe terulikutuka:
- 28 obusaale bwabwe bwa bwogi, n'emitego gyabwe gyonna mireege; ebinuulo by'embal-aasi zaabwe biribalibwa ng'amayinja ag'embaalebaale, ne bannamuziga baabwe nga kibuyaga;
- 29 okulira kwabwe kuliba ng'empologoma, balirira ng'empologoma ento: weewaawo, balirira, balikwata omuyiggo gwabwe, ne bagitwalira ddala mireembe, so tewalibaawo aliwonya.
- 30 Era baliwuuma ku bo ku lunaku luli ng'ennyanja bw'ewuuma: era omuntu bw'atunuulira olukalu, laba ekizikiza n'ennaku, n'omusana guzikizibwa mu bire byalwo.

Essuula 6

- 1 Mu mwaka kabaka Uzziya mwe yafira nalaba Mukama ng'atudde ku ntebe, empanvu eyagulumizibwa, n'ekirenge kye nga kijjula yeekaalu.
- 2 Basseraafi baali bayimiridde waggulu we: buli omu yalina ebiwaawaatiro mukaaga; ebibiri yabibikka mu maaso ge, n'ebibiri yabibikka ku bigere bye, n'ebibiri yabibuusa.
- 3 Omu n'ayogerera waggulu eri munne ng'agamba nti Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama w'eggye: ensi yonna ejjudde ekiiibwa kye.
- 4 N'emisingi gy'emiryango ne ginyeenyzezebwa olw'edoboozi ly'oyo eyayogerera waggulu, ennyumba n'ejjula omukka.
- 5 Ne ndyoka njogera nti Zinsanze! kubanga nfudde; kubanga ndi muntu wa mimwa egitali mirongoofu, era ntuula wakati mu bantu ab'emimwa egitali mirongoofu: kubanga amaaso gange galabye Kabaka, Mukama ow'eggye.
- 6 Omu ku basseraafi n'alyoka abuuka n'ajja gye ndi, ng'alina eryanda eryaka mu ngalo ze, lye yali aggye ku kyoto ne nnamagalo:
- 7 n'alikomya ku kamwa kange, n'ayogera nti Laba, lino likomye ku mimwa gyo; era obutali butuukirivu bwo buggiddwawo, n'ekibi kyo kirongoosebbwa.
- 8 Ne mpulira eddoozi lya Mukama, nga lyogera nti Naatuma ani, era anaatugendera ani? Ne ndyoka njogera nti Nze nzuuno: ntuma nze.
- 9 N'ayogera nti Genda obuulire abantu bano nti Okuwulira muwulire naye temutegeera; n'ozulaba mulabe, naye temwetegereza.
- 10 Savuwaza omutima gw'abantu bano, era ggala amatu gaabwe, era ziba amaaso gaabwe; baleme okulaba n'amaaso gaabwe, n'okuwulira n'amatu gaabwe, n'okutegeera n'omutima gwabwe, n'okukyuka, okuwonyezebwa.
- 11 Ne ndyoka njogera nti Mukama wange, birituusa wa okubaawo? N'addamu nti Okutu-usa ebibuga lwe birizika nga tewali abituulamu, ne mu nnyumba nga temuli muntu ensi n'ezirikira ddala,
- 12 era Mukama ng'ajjuludde abantu ng'abatutte wala, n'ebifulukwa nga bingi wakati mu nsi.
- 13 Era ekitundu eky'ekkumi bwe kiriba nga kikyasisagadde omwo, kiririirwa ddala nate:

ng'omumyuliru era ng'omuvule ekikolo kyagyo nga kisigadde, bwe gitemebwawo; bwe kityo ensigo entukuvu kye kikolo kyayo.

Essuula 7

- 1 Awo olwatuuka ku mirembe gya Akazi omwana wa Yosamu, omwana wa Uzziya, kabaka wa Yuda, Lezini kabaka w'e Busuuli, ne Peka omwana wa Lemaliya, kabaka wa Isiraeri, ne bayambuka e Yersaalemi okukirwanyisa; naye ne bakiremwa.
- 2 Ne babuulira ennyumba ya Dawudi nga boogera nti Obusuuli butabaganye ne Efulayimu. Omutima gwe ne ginyeenyebwa, n'omutima gw'abantu be, ng'emiti egy'omu kibira bwe ginyeenyebwa n'empewo.
- 3 Mukama n'alyoka agamba Isaaya nti Fuluma kaakano osisinkane Akazi, ggwe ne Seyalusayubu omwana wo, olusalosalo olw'ekidiba eky'engulu we lukoma, mu luguudo olw'ennimiro y'omwozi w'engoye;
- 4 omugambe nti Weekuume obeerewo bubeezi; totya, so n'omutima gwo teguzirikanga olw'emimuli gino gyombi eginyooka egiggweeredde, olw'obusungu obukambwe obwa Lezini n'Obusuuli, n'obw'omwana wa Lemaliya.
- 5 Kubanga Obusuuli butesezza obubi ku ggwe, ne Efulayimu, n'omwana wa Lemaliya, nga boogera nti
- 6 Twambuke tulumbe Yersaalemi, tukiteganye, twewagulire omwo ekituli, tusseewo kabaka wakati mu kyo, omwana wa Tabeeri:
- 7 bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda nti Tekirinywera so tekirituukirira.
- 8 Kubanga omutwe gw'Obusuuli ye Ddamasiko n'omutwe gw'e Ddamasiko ye Lezini: era emyaka enkaaga n'etaano nga teginnaggwaawo Efulayimu alimenyekamenyeka obutaba ggwanga:
- 9 n'omutwe gwa Efulayimu ye Samaliya, n'omutwe gw'e Samaliya ye mwana wa Lemaliya. Bwe muligaana okukkiriza, mazima temulinywezebwa.
- 10 Awo Mukama n'agamba nate Akazi nti
- 11 Weesabire Mukama Katonda wo akabonero: kasabe oba mu buziba oba mu bbanga waggulu.
- 12 Naye Akazi n'ayogera nti Siisabe so siikeme Mukama.
- 13 N'ayogera nti Muwulire kaakano, mmwe ennyumba ya Dawudi; kigambo kitono gye muli mmwe okukooya abantu n'okwagala ne mwagala okukooya ne Katonda wange era?
- 14 Mukama yennyini kyaliva abawa akabonero; laba, omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, alizaala omwana wa bulenzi era alituumwa erinnya lye Imanueri.
- 15 Omuzigo n'omubisi gw'enjuki alibirya, bw'amanya okugaana ebibi, n'okweroboza ebirungi.
- 16 Kubanga omwana nga tannamanya kugaana bibi n'okweroboza ebirungi, ensi gy'okyaamu bakabaka baayo bombi erirekebwa.
- 17 Mukama alikuleetako ne ku bantu bo, ne ku nnyumba ya kitaawo, ennaku ezitajjanga, okuva ku lunaku Efulayimu lwe yaviiramu mu Yuda; kabaka w'e Bwasuli.
- 18 Awo olulituuka ku lunaku luli Mukama alikoowoola ensowera eri mu bifo eby'ewala eby'emigga egy'e Misiri, n'enjuki eri mu nsi y'e Bwasuli.
- 19 Era birijja, era biriwummulira byonna mu biwonvu ebyazika, ne mu bunny obw'omu mayinja, ne ku maggwa gonna, ne ku malundiro gonna.
- 20 Ku lunaku luli Mukama alimwesa akamwano akagule akali mu bifo eby'emitala w'omugga, ye Kabaka w'e Bwasuli, omutwe n'obwoya obw'oku bigere: era kali-malawo n'ekirevu.
- 21 Awo olulituuka ku lunaku luli omusajja aliriisa ente eyonsa ento n'endiga bbiri;

- 22 Awo olulituuka olw'amata amangi ge zirigabiza anaalyanga omuzigo: kubanga buli muntu an'alyanga omuzigo n'omubisi gw'enjuki aliba asigadde wakati mu nsi.
- 23 Awo olulituuka ku lunaku luli, buli kifo awaabanga emizabbibu olukumi, buli gumu gwa sekeri lukumi, kiriba kya myeramannyo n'amaggwa.
- 24 Balijjayo nga balina obusaale n'omutego; kubanga ensi yonna eriba myeramannyo, n'amaggwa.
- 25 N'ensozi zonna ze baalimanga n'enkumbi, tolituukayo olw'okutya emyeramannyo n'amaggwa, naye waliba wa kusindikayo nte, n'okulinnyirirwa endiga.

Essuula 8

- 1 Mukama n'aamba nti Weetwalire ekipande ekinene, okiwandiikeko n'ekkalaamu ey'omuntu nti Kya Makeru-salalukasu-bazi;
- 2 nange ndyetwalira abajulirwa abeesigwa okuwandiika, Uliya kabona, ne Zekkaliya omwana wa Yeberekiya.
- 3 Ne enda eri nnabbi omukazi; n'aba lubuto, n'azaala omwana wa bulenzi. Mukama n'alyoka aamba nti Mutuume erinnya Makeru-salalu-kasu-bazi.
- 4 Kubanga omwana nga tannamanya kukaaba nti Kitange, era nti Mmange, obugagga obw'e Ddamasiko n'omunyago ogw'e Samaliya birinyagibwa mu maaso ga kabaka w'e Bwasuli.
- 5 Mukama n'ayogera nange nate omulundi omulala nti
- 6 Kubanga abantu bano bagaanyi amazzi ga Sirowa agatambula empola, ne basanyukira Lezini n'omwana wa Lemaliya;
- 7 kale nno, laba, Mukama ayambusa ku bo amazzi ag'Omugga, ag'amaanyi era amangi, kabaka w'e Bwasuli n'ekitiibwa kye kyonna: era alyambuka okusukkirira ensalosalozonna, era aliyiika ku ttale lye lyona:
- 8 era alyeyogera n'akulukuta okutuuka mu Yuda; alyanjaala aliyitamu; alikoma ne mu bulago; n'okugololwa kw'ebiwaawaatiro bye kulijjuza ensi yo, ggwe Imanueri; nga bwe yenkana obugazi.
- 9 Muyoogaane, mmwe amawanga, mulimenyekamenyeka; era mutege amatu, mmwe mwenna ab'omu nsi ez'ewala: mwesibe, mulimenyekamenyeka; mwesibe, mulimenyekamenyeka.
- 10 Muteese ebigambo wamu, birizikirizibwa; mwogere ekigambo, tekiriyimirira: kubanga Katonda ali wamu naffe.
- 11 Kubanga Mukama yayogera nange bw'atyo n'omukono ogw'amaanyi, n'anjigiriza nneme okutambulira mu kkubo ly'abantu bano, ng'ayogera nti
- 12 Temwogera nti Okwekoba, mu byonna eggwanga lino bye liryogerako nti Okwekoba; so temutya kutya kwabwe, so temutekemuka.
- 13 Mukama ow'eggye oyo gwe muba mutukuza; era oyo abeerenga entiisa yammwe, era oyo abeerenga ekitiibwa kyammwe.
- 14 Era aliba ng'awatukuvu; naye aliba ng'ejjinja ery'okwesittalwako era olwazi olugwisa eri ennyumba zombi eza Isiraeri, okuba omutego era ekyambika eri abo abatuula mu Yersaalemi.
- 15 Era bangi abaliryesittalako, ne bagwa, ne bamenyeka, ne bategebwa, ne bakwasibwa.
- 16 Sibira ddala okutegeeza, osse akabonero ku mateeka mu bayigirizwa bange.
- 17 Era ndirindirira Mukama, akweka amaaso ge ennyumba ya Yakobo, ne mmunoonya.
- 18 Laba, nze n'abaana Mukama b'ampadde bya kuba bubonero era bya kuba byewuunyo mu Isiraeri ebiva eri Mukama ow'eggye, atuula ku lusozi Sayuuni.
- 19 Era bwe babagambangana nti Mubuuze abo abaliko emizimu n'abafumu, abalira ng'ennyonyi era abajoboya: eggwanga tekirigwanira kubuuza Katonda waabwe?

Ebigambo by'abalamu bandibibuuzizza bafu?

- 20 Tudde eri amateeka n'obujulirwa! oba nga teboogera ng'ekigambo ekyo bwe kiri, mazima obudde tebugenda kubakeerera.
- 21 Era baliyita mu nsi, nga beeraliikirira nnyo nga balumwa enjala: awo olunaatuukanga bwe banaalumwanga enjala, banaanyiiganga ne bakolima nga balayira kabaka waabwe ne Katonda waabwe, ne batunuza amaaso gaabwe waggulu:
- 22 era banaatunuuliranga ensi, era, laba, nnaku n'ekizikiza, ekizikiza eky'okubonyaabonyezebwa; era baligoberwa mu kizikiza ekikutte.

Essuula 9

- 1 Naye tewaliba kizikiza eri oyo eyali abonyaabonyezebwa. Edda yanyoomya ensi ya Zebbulooni n'ensi ya Nafutaali, naye mu kiseera eky'oluvannyuma agifudde ya kiti-ibwa, awali ekkubo ery'ennyanja, emitala wa Yoludaani, Ggaliraaya ey'amawanga.
- 2 Abantu abaatambuliranga mu kizikiza balabye omusana mungi: abo abaatuulanga mu nsi y'ekisiikirize ky'okufa, omusana gubaakidde bo.
- 3 Oyazizza eggwanga, oyongedde ku ssanyu lyabwe: basanyukira mu maaso go ng'essanyu bwe liri ery'omu makungula, abasajja nga bwe basanyuka nga bagereka omunyago.
- 4 Kubanga ekikoligo ekyamuzitoowerera, n'omuggo ogw'oku kibegabega kye, lwe luga lw'omujoozi we, obimenye nga ku lunaku lwa Midiyaani.
- 5 Kubanga ebyokulwanyisa byonna eby'oyo alina ebyokulwanyisa mu luyoogaano, n'ebyalbalo ebikulukuunyizibwa mu musaayi, biriba bya kwokebwa bwokebwa, okuba enku ez'omuliro.
- 6 Kubanga omwana atuzaaliddwa ffe, omwana ow'obulenzi aweereddwa ffe; n'okufuga kunaabanga ku kibegabega kye: n'erinnya lye liriytibwa nti Wa kitalo, Ateesa ebigambo, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo, Omukulu ow'emirembe.
- 7 Okufuga kwe n'emirembe tebirikoma kweyongeranga, ku ntebe ya Dawudi, ne ku bwakabaka bwe, okubunyweza, n'okubuwanyirira n'omusango n'obutuukirivu okuva leero n'emirembe n'emirembe. Obunyiikivu bwa Mukama ow'eggye bulituukiriza ekyo.
- 8 Mukama yaweereza Yakobo ekigambo, ne kigwa ku Isiraeri.
- 9 Era abantu bonna balimanya, Efulayimu n'abatuula mu Samaliya, aboogera n'amalala n'obukakanyavu bw'omutima nti
- 10 Amatoffaali gagudde, naye tulizimbya amayinja amateme: enkoma zitemeddawo, naye tulizifuula ensambya.
- 11 Mukama kyaliva agulumiza abalabe ba Lezini okumulumba, era alisaakiriza abalabe be;
- 12 Abasuuli mu maaso, n'Abafirisuuti emabega; era balirya Isiraeri n'akamwa akayasame. Ebyo byonna bimaze okubaawo naye obusungu bwe tebunnakyusibwa okubavaako, naye omukono gwe gukyagoloddwa.
- 13 Naye abantu tebaakyukiranga oyo eyabakuba, so tebaanoonyanga Mukama wa ggye.
- 14 Mukama kyaliva asalako ku Isiraeri omutwe n'omukira, olukindo n'ekitoogo, ku lunaku lumu.
- 15 Omusajja omukadde era ow'ekitiibwa gwe mutwe; ne nnabbi ayigiriza eby'obulimba gwe mukira.
- 16 Kubanga abakulembera abantu bano babakyamya; n'abo be bakulembera bazikiriz-ibwa.
- 17 Mukama kyaliva alema okusanyukira abavubuka baabwe, so talisaasira baana baabwe abafiiriddwa bakitaabwe ne bannamwandu baabwe: kubanga buli muntu avvoola era

akola ebibi, na buli kamwa koogera eby'obusiru. Ebyo byonna bimaze okubaawo naye obusungu bwe tebunnakyusibwa okubavaako naye omukono gwe gukyagoloddwa.

- 18 Kubanga obubi bwokya ng'omuliro; gumalawo emyeramannyo n'amaggwa: weewaawo, gukoleera mu bisaka eby'omu kibira, ebire eby'omukka ebikutte ne binyooka ne birinnya waggulu.
- 19 Olw'obusungu bwa Mukama ow'eggye ensi eyiiridde ddala: era n'abantu bali ng'enku ez'omuliro; tewali asonyiwa muganda we.
- 20 Era omu alisika ku mukono ogwa ddyo, n'alumwa enjala; era alirya ku mukono ogwa kkono, so tebalikkuta: balirya buli muntu ennyama ey'onukono gwe ye:
- 21 Manase Efulayimu; ne Efulayimu Manase: era bombi wamu balikyawa Yuda. Ebyo byonna bimaze okubaawo naye obusungu bwe tebunnakyusibwa okubavaako, naye omukono gwe gukyagoloddwa.

Essuula 10

- 1 Zibasanze abo abateeka amateeka agatali ga butuukirivu, n'abawandiisi abawandiika obukyamu:
- 2 okugoba abanaku baleme okusalirwa omusango, n'okubanyagako ebyabwe abaavu ab'omu bantu bange, bannamwandu babeere munyago gwabwe, era abafiiriddwa bakitaabwe babafuule omuyiggo gwabwe.
- 3 Era mulikola mutya ku lunaku olw'okujjirwa, ne mu kuzikirizibwa okuliva ewala? muliddukira eri ani okubeerwa? era mulireka wa ekitiibwa kyammwe?
- 4 Balikutama bukutami wansi w'abasibe, era baligwa wansi w'abattiddwa. Ebyo byonna bimaze okubaawo naye obusungu bwe tebunnakyusibwa okubavaako, naye omukono gwe gukyagoloddwa.
- 5 Ggwe Omwasuli, oluga olw'obusungu bwange, omuggo oguli mu ngalo zo kye kiruyi kyange!
- 6 Ndimutuma okulumba eggwanga erivoola, era ndimulagira ku bantu baliko obusungu bwange, okunyaga omunyago, n'okunyaga omuyiggo, n'okubalinnyirira wansi ng'ebitoomi by'omu nguudo.
- 7 Naye tagenderera kukola bw'atyo, so n'omutima gwe tegulowooza bwe gutyo; naye kiri mu mutima gwe okuzikiriza, n'okumalawo amawanga si matono.
- 8 Kubanga ayogera nti Abakulu bange bonna si bakabaka?
- 9 Kalino tekifaanana Kalukemisi? Kamasi tekifaanana Alupadi? Samaliya tekifaanana Ddamasiko?
- 10 Ng'omukono gwange bwe gwatuuka ku nsi za bakabaka ezisinza ebifaananyi, ezaalina ebifaananyi ebibajje ebyasinga ebyo ebiri mu Yersaalemi ne mu Samaliya;
- 11 nga bwe nnakola Samaliya ne sanamu zaakyo, sirikola bwe ntyo Yersaalemi ne sanamu zaakyo?
- 12 Kyekiriva kituuka, Mukama bw'aliba ng'amalidde ddala omulimu gwe gwonna ku lusozi Sayuuni ne ku Yersaalemi, me ndyoka mbonereza ebibala by'omutima omukakanyavu ogwa kabaka w'e Bwasuli, n'amalala g'amaaso ge amagulumivu.
- 13 Kubanga yayogera nti Olw'amaanyi g'omukono gwange nakikola, n'olw'amagezi gange; kubanga ndi mukabakaba: era najjulula ensalo ez'amawanga, ne nnyaga obugagga bwabwe, ne ntoowaza ng'omusajja omuzira abo abatuula ku ntebe:
- 14 era omukono gwange guvumbudde obugagga obw'amawanga ng'ekisu; era ng'omuntu bw'akuaanya amagi amazire, bwe ntyo bwe naakuaanyanga ensi zonna: so tewali eyayanjuluzi ekiwaawaatiro, newakubadde eyayasamya akamwa, newakubadde eyakaaba.
- 15 Embazzi eryenyumiriza eri oyo agitemya? omusumeeno gulyekuza eri oyo

agunyeenya? kwenkana oluga nga lunyeenyezza abo abalulonda, oba omuggo nga gusitudde atali muti.

- 16 Mukama, Mukama ow'eggye, kyaliva aweereza obukovvu mu basajja be abagevvu; era wansi w'ekitiibwa kye we alikolera okwokya ng'okwokya kw'omuliro.
- 17 N'omusana gwa Isiraeri guliba mu kifo ky'omuliro, n'Omutukuvu we aliba mu kifo ky'okwaka: kale gulyokya gulimalawo amaggwa ge n'emyeramannyo gye ku lunaku lumu.
- 18 Era alimalawo ekitiibwa ky'ekibira kye, n'eky'ennimiro ye engimu, obulamu era n'omubiri: kale kiriba ng'omukwasi w'ebendera bw'azirika.
- 19 N'emiti egy'omu kibira kye egirisigalawo giriba mitono, omwana omuto n'okuyinza n'ayinza okugiwandiika.
- 20 Awo olulituuka ku lunaku luli, abaliba nga bafisseewo ku Isiraeri, n'abo abaliba nga bawonye ku nnyumba ya Yakobo, nga tebakyesigama nate ku oyo eyabakuba: naye balyesigama ku Mukama, Omutukuvu wa Isiraeri, mu mazima.
- 21 Ekitundu ekirifikkawo kirikomawo, ekirifikkawo ku Yakobo, eri Katonda ow'amaanyi.

- 22 Kubanga abantu bo Isiraeri newakubadde nga baliba ng'omusenyu ogw'ennyanja, kitundu butundu ekirifikkawo ku bo kye kirikomawo: okutuukiriza kwateesebwa, okusukkirira n'omusango ogw'ensonga.
- 23 Kubanga okukomekkereza, era okwateesebwa, Mukama, Mukama ow'eggye kw'alikola wakati mu nsi yonna.
- 24 Kyava ayogera Mukama, Mukama ow'eggye nti Mmwe abantu bange abatuula mu Sayuuni, temutyanga Asuli: newakubadde ng'akukuba n'oluga, n'akugalulira omuggo gwe, ng'empisa y'e Misiri bw'eri.
- 25 Kubanga akaseera kakyali katono nnyo, okunyiiga kulyoke kutuukirizibwe n'obusungu bwange mu kuzikiriza kwabwe.
- 26 Awo Mukama ow'eggye alimuleetako ekibonoobono, nga bwe byali Midiyaani bwe yattirwa awali olwazi lwa Olebu: n'oluga lwe luliba ku nnyanja, era alirugalula ng'empisa y'e Misiri bw'eri.
- 27 Awo olulituuka ku lunaku luli, omugugu gwe guliva ku kibegabega kyo, n'ekikoligo kye mu bulago bwo, n'ekikoligo kirizikirizibwa olw'okufukibwako amafuta.
- 28 Atuuse e Yayasi, ayise mu Miguloni; e Mikumasi gy'aterekeru emigugu gye:
- 29 bavvuunuse awavvuunukirwa; basuze e Geba: Laama akankana; Gibeya wa Sawulo adduse.
- 30 Yogerera waggulu n'eddoboozi lyo, ggwe muwala wa Gallimu! wulira, ggwe Layisa! Ggwe Anasosi asaasirwa!
- 31 Madumena mudduse; abatuula mu Gebimu beekuaanya okudduka.
- 32 Ku lunaku luno olwa leero anaasula Enobu: omukono gwe agugalulira olusozi lwa muwala wa Sayuuni, olusozi lwa Yersaalemi.
- 33 Laba, Mukama, Mukama ow'eggye, alitema amatabi n'entiisa n'abawanvu abawaggu-ufu balitemerwa ddala, n'abagulumivu balikkakkanyizibwa.
- 34 Era alimalawo n'ekyuma ebisaka eby'omu kibira, ne Lebanooni aligwa olw'ow'amaanyi.

Essuula 11

- 1 Era mu kikolo kya Yese muliva ensibuka, n'ettabi eririva mu mmizi gye liribala ebibala:
- 2 n'omwoyo gwa Mukama gulibeera ku ye, omwoyo ogw'amagezi n'okutegeera, omwoyo ogw'okuteesa n'amaanyi, omwoyo ogw'okumanya n'okutya Mukama;

- 3 n'okutya Mukama kw'alisanyukira: so taasalenga misango ng'okulaba kw'amaaso ge bwe kunaabanga, so taanenyenga ng'okuwulira kw'amatu ge bwe kunaabanga:
- 4 naye anaasaliranga omwavu emisango gya nsonga, era anaanenyanga n'obutuukirivu olw'abawombeefu abali ku nsi: era alikuba ensi n'omuggo ogw'omu kamwa ke, era alitta omubi n'omukka ogw'omu mimwa gye.
- 5 N'obutuukirivu buliba lukoba lwa mu kiwato kye, n'obwesigwa buliba lukoba lwa mu mugongo gwe.
- 6 N'omusege gunaasulanga wamu n'omwana gw'endiga, n'engo eneegalamiranga wamu n'omwana gw'embuzi; n'ennyana n'omwana gw'empologoma n'ekya ssava wamu; n'omwana omuto alizikulembera.
- 7 N'ente n'eddubu ziririira wamu; abaana baazo baligalamira wamu: n'empologoma erirya omuddo ng'ente.
- 8 N'omwana ayonka alizannyira ku kinnya eky'enswera, n'omwana eyaakava ku mabeere aliteeka omukoao gwe ku mpampagama y'essalambwa.
- 9 Tebaliruma newakubadde okuzikiriza ku lusozi lwange olutukuvu lwonna: kubanga ensi erijjula okumanya Mukama, ng'amazzi bwe gasaanikira ennyanja.
- 10 Awo olulituuka ku lunaku luli ekikolo kya Yese, ekiyimirira okuba ebendera ey'amawanga, eri oyo amawanga gye banaanoonya; n'ekifo kye eky'okuwummuli-ramu kiriba kitiibwa.
- 11 Awo olulituuka ku lunaku luli Mukama alissaawo nate omukono gwe omulundi ogw'okubiri okukomyawo abalifikkawo ku bantu be abalisigalawo, okubaggya mu Bwasuli ne mu Misiri ne mu Pasuloosi ne mu Kuusi ne mu Eramu ne mu Sinali ne mu Kamasi ne mu bizinga eby'omu nnyanja.
- 12 Era aliwanikira amawanga ebendera, era alikuaanya abaagobebwa mu Isiraeri, n'aleeta wamu abaasaasaanyizibwa ku Yuda okubaggya mu nsonda ennya ez'ensi.
- 13 Era obuggya bwa Efulayimu buliggwaawo, n'abo abateganya Yuda balizikirizibwa. Efulayimu talikwatirwa Yuda buggya, ne Yuda taliteganya Efulayimu.
- 14 Era balibuuka ne bagwa ku kibegabega ky'Omufirisuuti ebugwanjuba; balyetaba okunyaga abaana b'ebuvanjuba: baligolola omukono gwabwe ku Edomu ne Mowaabu; n'abaana ba Amoni balibagondera.
- 15 Era Mukama alizikiririza ddala olulimi lw'ennyanja ey'e Misiri; era alikunkumulira omukono gwe ku Mugga n'empewo ye ekaza, n'agukuba n'agufuula emigga musanvu, n'asomosa abantu nga tebatobye bigere.
- 16 Era waliba oluguudo eri abo abalifikkawo ku bantu be, abalisigalawo, okuva mu Bwasuli; nga bwe lwaliwo eri Isiraeri ku lunaku lwe yalinnyirako okuva mu nsi y'e Misiri.

Essuula 12

- 1 Era ku lunaku luli olyogera nti Naakwebaza, ai Mukama; kubanga newakubadde nga wansunguwalira, obusungu bwo bukyuse, era onsanyusa.
- 2 Laba, Katonda bwe bulokozi bwange; nneesiganga ne ssitya: kubanga Mukama Yakuwa ge maanyi gange n'oluyimba; era ye afuuse obulokozi bwange.
- 3 Kyemunaavanga musenanga n'essanyu amazzi mu nzizi ez'obulokozi.
- 4 Era ku lunaku luli mulyogera nti Mwebaze Mukama, mukoowoole erinnya lye, mubulire ebikolwa bye mu mawanga, mwogere erinnya lye ligulumizibwe.
- 5 Mumuyimbire Mukama; kubanga akoze eby'ekitiibwa: ekyo kimanyibwe mu nsi yonna.
- 6 Yogerera waggulu oleekaane, ggwe atuula mu Sayuuni: kubanga Omutukuvu owa Isiraeri ali wakati mu ggwe mukulu.

Essuula 13

- 1 Omugugu gwa Babulooni Isaaya mutabani wa Amози gwe yalaba.
- 2 Muwanike ebendera ku lusozi olw'obweru, mubayimusize eddoboosi, muwenye n'omukono, bayingire mu miryango egy'abakungu.
- 3 Ndagidde abawonge bange, weewaawo, mpise abasajja bange ab'amaanyi olw'obusungu bwange, abange abeenyumiriza n'amalala.
- 4 Oluyoogaano lw'ekibiina ku nsozi ng'olweggwanga eddene! oluyoogaano olw'okuleekaana kw'obwakabaka obw'amawanga nga gakuuanye! Mukama ow'eggye akuaanyizza eggye olw'olutalo.
- 5 Bava mu nsi y'ewala, ku nkomerero y'eggulu, Mukama n'ebyokulwanyisa eby'okunyiiiga kwe, okuzikiriza ensi yonna.
- 6 Muwowoggane; kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi lulijja ng'okuzikirira okuva eri Omuyinza w'ebintu byonna.
- 7 Emikono gyonna kyegiriva giddirira na buli mutima gw'omuntu gulisaanuuka:
- 8 era balikeentererwa okusonsomolwa n'okubalagalwa kulibakwata; balirumwa ng'omukazi alumwa okuzaala: baliwuniikirira bokka na bokka; amaaso gaabwe galiba maaso ga muliro.
- 9 Laba olunaku lwa Mukama lujja, olukambwe, nga lulina obusungu n'ekiruyi; okuzisa ensi, n'okuzikiriza abalina ebibi abaayo okubamalamu.
- 10 Kubanga emmunyeenye ez'omu ggulu n'ebibiina byazo tebiryaka kwaka kwabyo: enjuba erizikizibwa ng'evaayo, n'omwezi tegulyaka musana gwagwo.
- 11 Nange ndibonereza ensi olw'obubi bwabwe n'ababi olw'obutali butuukirivu bwabwe; era ndimalawo ekyejo eky'abalina amalala, era ndikkakkanya okwenyumiriza kw'abo abatiisa.
- 12 Ndifuula omusajja okuba ow'omuwendo okusinga ezaabu ennungi omusajja okusinga ezaabu ennungi eya Ofiri.
- 13 Kyendiva nkankanya eggulu, n'ensi erinyeenyebwa okuva mu kifo kyayo, mu busungu bwa Mukama ow'eggye, ne ku lunaku olw'ekiruyi kye.
- 14 Awo olulituuka ng'empeewo egobebwa era ng'endiga ezitaliiko musumba, balikyuka buli muntu okudda mu bantu b'ewaabwe ye, era balidduka buli muntu mu nsi yaabwe ye.
- 15 Buli anaalabikanga anaafumitibwanga; na buli anaawambibwanga anaagwanga n'ekitala.
- 16 N'abaana baabwe abawere balimenyerwamenyerwa mu maaso gaabwe; ennyumba zaabwe zirinyagibwa, n'abakazi baabwe balikwatibwa lwa maanyi:
- 17 Laba, ndibaleetako Abameedi, abatalissaayo mwoyo eri effeeza, n'ezaabu tebaligisanyukira.
- 18 N'emitego gyabwe girimenyaamenya abavubuka so tebalisaasira zzadde lya lubuto; eriiso lyabwe teririsonyiwa baana bato.
- 19 Ne Babulooni, ekitiibwa eky'obwakabaka, obulungi obw'amalala ag'Abakaludaaya, kiriba nga Katonda bwe yasuula Sodomu ne Ggomola.
- 20 Tekiisulibwengamu ennaku zonna, so tekiibeerwengamu emirembe n'emirembe: so n'Omuwalabu taasimbegayo weema; so n'abasumba tebaagalamizengayo nbuzi zaabwe.
- 21 Naye ensolo enkambwe ez'omu ddungu ze zinaagalamirangayo; n'ennyumba zaabwe zirijjula ebintu ebisinda; ne bamaaya banaabeerangayo, n'ebya zigeye binaaziriranga eyo.
- 22 N'emisege ginaakaabiranga mu bigo byabwe, n'ebibe mu mayumba gaabwe ag'ebinyumu: n'ekiseera kyakyo kiri kumpi n'okutuuka, so n'ennaku zaakyo

teziryongerwako.

Essuula 14

- 1 Kubanga Mukama alisaasira Yakobo, era, bw'alimala, n'alonda Isiraeri, n'abateeka mu nsi yaabwe bo: n'omugenyi alyegatta nabo, era balyetaba n'ennyumba ya Yakobo.
- 2 N'amawanga balibatwala, ne babaleeta mu kifo kyabwe: n'ennyumba ya Isiraeri baba nabo mu nsi ya Mukama okuba baddu n'abazaana: era baliwamba abo abaabawambanga; era balifuga abo abaabajoozanga.
- 3 Awo olulituuka ku lunaku Mukama lw'alikuweerako okuwuunula mu nnaku zo ne mu kutegana kwo ne mu kuweereza okuzibu kwe wawalirizibwa okuweereza,
- 4 awo oligera olugero luno ku kabaka w'e Babulooni n'oyogera nti Omujoozi ng'awed-dewo! ekibuga kya zaabu nga kiwedde!
- 5 Mukama amenye omuggo ogw'ababi, omuggo ogw'obwakabaka ogw'abo abafuga;
- 6 ogwakubanga amawanga obusungu olutata, ogwafuganga amawanga n'ekiruyi, ne guyigganyanga ne gutaziyizibwa muntu yenna.
- 7 Ensi yonna ewummudde, era eradde: babaguka okuyimba.
- 8 Weewaawo, enfugo zikusanyukira, emivule egy'oku Lebanooni, nga gyogera nti Kasookedde ogalamizibwa, tekulinnyanga ku ffe atutema.
- 9 Amagombe wansi gagugumuka ku lulwo okukusisinkana ng'ojja: gagolokosa abafu ku lulwo, abakulu bonna ab'ensi; gayimusizza bakabaka bonna ab'amawanga okuva ku ntebe zaabwe.
- 10 Abo bonna baliddamu ne bakugamba nti Era naawe ofuuse munafu nga ffe? ofaanaanyizibwa nga ffe?
- 11 Ekitiibwa kyo kissibwa e magombe, n'eddoboozi ly'ennanga zo: envunyu zaaliiriddwa wansi wo, era envunyu zikubisseekeo.
- 12 Ng'ogudde okuva mu ggulu, ggwe emmunyeeeye ey'enkya, omwana w'enkya! ng'otemeddwa okutuuka ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga!
- 13 N'oyogera mu mutima gwo nti Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyeeeye za Katonda; era ndituula ku lusozi olw'ekibiina, ku njuyi ez'enkomerero ez'obukiika obwa kkonno:
- 14 ndirinnya okusinga ebire we bikoma; ndifaanana oyo ali waggulu ennyo.
- 15 Naye olissibwa e magombe, ku njuyi ez'enkomerero ez'obunnya.
- 16 Abo abanaakulabanga banaakukeberanga, banaakulowoozanga, nga boogera nti Ye wuuno eyakankanyanga ensi, eyanyeenyanga obwakabaka:
- 17 eyazisanga ensi yonna, n'asuula ebibuga byamu; ataatanga basibe be okudda ewaabwe?
- 18 Bakabaka bonna ab'amawanga, bonna bwe benkana, beebakira mu kitiibwa, buli muntu mu nnyumba ye ye.
- 19 Naye ggwe osuulibwa okukuggya mu malaalo go ng'ettabi erikyayibwa, ng'oyambadde abattibwa, abafumitibwa n'ekitala, abakka mu mayinja ag'obunnya; ng'omulambo ogulinnyirirwa n'ebigere.
- 20 Toligattibwa nabo mu kuziikibwa, kubanga wazikiriza ensi yo, n'otta abantu bo; ezzadde ly'abo abakola obubi teriryogerwako ennaku zonna.
- 21 Mutegekere abaana be okuttibwa olw'obutali butuukirivu bwa bakitaabwe; baleme okugolokoka, ne balya ensi, ne bajjuza ensi yonna ebibuga.
- 22 Nange ndibagolokokerako, bw'ayogera Mukama ow'eggye, ne mpenmenta mu Babulooni erinnya n'abalifikkawo, n'omwana n'omuzzukulu, bw'ayogera Mukama.
- 23 Era ndikifuula obutaka bwa namunnungu, n'ebidiba eby'amazzi: era ndikyera n'olweyo olw'okuzikiriza, bw'ayogera Mukama ow'eggye.

- 24 Mukama ow'eggye alayidde, ng'ayogera nti Mazima nga bwe nnalowooza, bwe kirituukirira bwe kityo; era nga bwe nnaatesa, bwe kirinywera bwe kityo;
- 25 ndimenyera Omwasuli mu nsi yange, era ndimulinyira n'ebigere ku nsozi zange: kale ekikoligo kye kiribavaako, n'omugugu gwe guliva ku kibegabega kyabwe.
- 26 Okwo kwe kuteesa okwateesebwa ku nsi yonna: era ogwo gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna.
- 27 Kubanga Mukama ow'eggye ye yateesa, era ani alikijjulula? n'omukono gwe gugolod-dwa, era ani aliguzzaayo?
- 28 Mu mwaka kabaka Akkazi mwe yafiira ne wabaawo omugugu guno.
- 29 Tosanyuka, ggwe Bufirisuuti, ggwe wenna, kubanga omuggo gumenyese ogwakukuba: kubanga mu kikolo ky'omusota muliva essalambwa, n'ezzadde lyalyo liriba musota gwa muliro ogubuuka.
- 30 N'ababereberye ab'abaavu balirya, n'abatalina bintu baligalamira mirembe: era nditta ekikolo kyo n'enjala, n'ababo abalifikkawo balittibwa.
- 31 Wowoggana, ggwe wankaaki; kaaba, ggwe ekibuga; osaanuuse, ggwe Bufirisuuti, ggwe wenna; kubanga mu bukiika obwa kkono muvaamu omukka, so tewali eyeewala mu ntuuko ze ezaalagirwa.
- 32 Kale balyanukulwa batya ababaka ab'eggwanga? Nti Mukama yateekawo emisingi gya Sayuuni, ne mu ye ababonyaabonyezebwa ku bantu be mwe baliddukira.

Essuula 15

- 1 Omugugu gwa Mowaabu. Kubanga mu kiro kimu Ali ekya Mowaabu baakizisa, baakimalawo; kubanga mu kiro kimu Kiri ekya Mowaabu baakizisa, baakimalawo.
- 2 Ayambuse e Bayisi ne Diboni, ku bifo ebigulumivu, okukaaba amaziga: Mowaabu awowogganira Nebo ne Medeba: ku mitwe gyabwe gyonna kuliko ebiwalaata, buli kirevu kimwereddwa.
- 3 Beesibira ebibukutu mu nguudo zaabwe: waggulu ku nnyumba zaabwe ne mu mbuga zaabwe buli muntu awowoggana, ng'akaaba nnyo amaziga.
- 4 Ne Kesuboni alira, ne Ereyale; eddoozi lyabwe liwulirwa okutuuka e Yakazi: basserikale ba Mowaabu kyebava boogerera waggulu; obulamu bwe bukankana mu nda mu ye.
- 5 Omutima gwange gukaabira Mowaabu; abakungu be baddukira e Zowaali, e Yegula-suserisiya: kubanga awayambukirwa e Lukisi gye balinnyira nga bakaaba amaziga; kubanga bakaabira mu kkubo ery'e Kolonayimu okukaaba okw'okuzikirira.
- 6 Kubanga amazzi ag'e Nimulimu galirekebawo: kubanga omuddo guwotokedde ddala, omuddo omugonvu guggwaawo, tewali kintu kimera.
- 7 Ebintu ebingi bye bafunye n'ebyo bye baterese kyebaliva babitwala eri omugga ogw'enzingu.
- 8 Kubanga okukaaba kwetoolodde ensalo za Mowaabu; okuwowoggana kwakwo kutuuse e Yegulayimu, n'okuwowoggana kwakwo kutuuse e Beererimu.
- 9 Kubanga amazzi ag'e Dimoni gajjudde omusaayi: kubanga ndyeyongerera okuleeta ebirala nate ku Dimoni, empologoma ku oyo awona ku Mowaabu, ne ku abo abalifikkawo ku nsi.

Essuula 16

- 1 Muweereze abaana b'endiga b'oyo afuga ensi okuva e Seera ekyolekera eddungu okutuuka ku lusozi lwa muwala wa Sayuuni.
- 2 Kubanga olulituuka ng'ennyonyi ezaabula ng'ekisu ekyasaasaana bwe batyo bwe

baliba bawala ba Mowaabu ku misomoko gya Alunoni.

- 3 Teesa ebigambo, mala omusango; fuula ekisiikirize kyo okuba ng'ekiro wakati mu ttuntu: kweka abagobeddwa; tolyamu lukwe adaagana.
- 4 Abange abagobeddwa batuule naawe; Mowaabu, beera kiddukiro gy'ali mu maaso g'omunyazi: kubanga omukanga azikiridde, okunyaga kuwedde, abajoozi bakomye mu nsi.
- 5 N'entebe ey'obwakabaka eneenywezebwanaga mu kusaasira, era walibaawo aligituu-lako mu mazima, mu weema ya Dawudi; ng'asala emisango, era ng'agoberera eby'ensonga, era omwangu okukolanga eby'obutuukirivu.
- 6 Tuwulidde amalala ga Mowaabu, nga wa malala mangi nnyo; ekyejo kye n'amalala ge n'obusungu bwe; okwenyumiriza kwe tekuliimu.
- 7 Mowaabu kyaliva awowogganira Mowaabu, buli muntu aliwowoggana: muli-nakuwalira emigaati egya zabbibu egy'e Kirukaleseesi, nga mukubiddwa ddala.
- 8 Kubanga ennimiro ez'e Kesubooni ziwotoka, n'omuzabbibu ogw'e Sibuma; abakungu ab'amawanga bamenyedde ddala emiti gyagwo egyasinga obulungi; gyabuna oku-tuuka e Yazeri, gyatuuka mu ddungu; amatabi gaagwo gaalanda, gaasomoka ennyanja.
- 9 Kyennaava nkaabira amaziga awamu n'okukaaba kwa Yazeri olw'omuzabbibu ogw'e Sibuma: naakufukirira amazzi n'amaziga gange, ggwe Kesubooni ne Ereyale: kubanga ku bibala byo eby'ekyengera ne ku bikungulwa byo kukubiddwako olube.
- 10 N'essanyu liggiddwawo, n'emizira giwedde mu nnimiro eimu; ne mu nsuku z'emizab-bibu temuliba kuyimba, newakubadde eddoozi ery'okusanyuka: tewaliba musogozu alisogolera omwenge mu masogolero; nkomezza emizira gy'abasogozu.
- 11 Ebyenda byange kyebiva bikaabira Mowaabu ng'ennanga, ne munda wange mmukaabira Kirukeresi.
- 12 Awo olulituuka, Mowaabu bw'alyeyanjula, bw'alyekooya ku kifo ekigulumivu, n'ajja mu watukuvu we okusaba, talisobola.
- 13 Ekyo kye kigambo Mukama kye yayogera ku Mowaabu mu biro eby'edda.
- 14 Naye kaakano Mukama ayogedde nti Emyaka esatu nga teginnaggwaako, ng'emyaka egy'omusenze akolera empeera bwe gibeera, ekitiibwa kya Mowaabu kirinyoomebwa awamu n'ekibiina kye kyonna ekinene; n'abo abalifikkawo baliba batono nnyo so tebaliba kintu.

Essuula 17

- 1 Omugugu gwa Ddamasiko. Laba, Ddamasiko, kiggiddwawo obutaba kibuga, era kiriba kifunvu eky'ebyagwa.
- 2 Ebibuga bya Aloweri birekeddwawo: biriba bya mbuzi, ezinaagalamiranga so tewaabenga anaazikanga.
- 3 Era ekigo kirikoma mu Efulayimu, n'obwakabaka mu Ddamasiko, n'abalifikkawo ku Busuuli baliba ng'ekitiibwa ky'abaana ba Isiraeri, bw'ayogera Mukama ow'eggye.
- 4 Awo olulituuka ku lunaku luli ekitiibwa kya Yakobo kirikendeezebwa, n'obugevvu bw'omubiri gwe bulikogga.
- 5 Era kiriba ng'omukunguzi bw'akuaanya eaano emera n'omukono gwe ne gukungula ebirimba; weewaawo, kiriba ng'omuntu bw'alonda ebirimba mu kiwonvu kya Lefayimu.
- 6 Naye mulisigalamu eirondebwa, ng'okukubibwa kw'omuzeyituuni bwe kubeera, ebibala ebibiri oba bisatu waggulu ku busongezo obukomererayo, ebina oba bitaano ku busongezo bw'omuti omugimu, bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri.
- 7 Ku lunaku luli omuntu alitunuulira Omutonzi we, n'amaaso go galikyukira

Omutukuvu owa Isiraeri.

- 8 So talitunuulira byoto, omulimu gw'emikono gye, so talikyukira ekyo engalo ze kye zaakola, oba Baasera oba ebifaananyi by'enjuba.
- 9 Ku lunaku luli ebibuga bye eby'amaanyi biriba ng'ebifulukwa mu kibira ne ku ntikko y'olusozi, ebyaviibwamu mu maaso g'abaana ba Isiraeri era biriba nsiko.
- 10 Kubanga weerabidde Katonda ow'obulokozi bwo so tojjukidde lwazi lwa maanyi ge kyova osimbamu ebisimbe eby'okusanyusa, n'osigamu ebimera ebigenyi:
- 11 ku lunaku lw'osimbirako ossaako olukomera, era enkya omerusa ensigo zo: naye ebikungulwa biddukira ku lunaku olw'okunakuwaliramu era olw'okukungubagiramu.
- 12 Woowe, oluyoogaano lw'amawanga amangi, agawuluguma ng'okuwuluguma kw'ennyanya; n'okuwulukuka kw'amawanga agawulukuka ng'okuwulukuka kw'amazzi ag'amaanyi!
- 13 Amawanga galiwulukuka ng'okuwulukuka kw'amazzi amangi naye alibanenya, nabo baliddukira wala, era baligobebwa ng'ebisusunku eby'oku nsozi mu maaso g'empewo, era ng'enfuufu ey'akazimu mu mberi ya kibuyaga.
- 14 Akawungeezi, laba, ntiisa; obudde nga tebunnakya tebaliiwo. Guno gwe mugabo gw'abo abatunyaga, era ye mpeera y'abo abatukwakwabira.

Essuula 18

- 1 Woowe, ensi ey'okukwakwaya kw'ebiwaawaatiro, eri emitala w'emigga gya Kuusi:
- 2 etuma ababaka ku nnyanja mu bibaya ku mazzi, ng'eyogera nti Mugende, mmwe ababaka abangu, eri eggwanga eggwanvu era eggweweevu, eri abantu abaabanga ab'entiisa kasookedde babeerawo na guno gujwa; eggwanga erigera era eririnyiririra ddala, ensi yaabwe emigga gigisazeemu!
- 3 Mmwe mwenna abatuula mu nsi, nammwe ababeera ku ttaka ly'ensi, ebendera bw'ewanikibwanga ku nsozi, mulabanga; era ekkondeere bwe lifuuyibwanga, muwuliranga.
- 4 Kubanga bw'atyo Mukama bw'aambye nti Ndisirika, era ndiraba nga nnyima mu kifo kyange we ntudde; ng'olubugumu olutemagana mu musana, ng'ekire ky'omusulo mu lubugumu lw'omu biro eby'okukunguliramu.
- 5 Kubanga okukungula nga tekunnabaawo, okumulisa nga kuwedde, n'ekimuli nga kifuuka zabbibu eyengera, aliwawaagula obutabi n'ebiwabyo, n'amatabi agalanda aligaggyawo n'agatema.
- 6 Galirekerwa wamu ennyonyi ez'amaddu ez'oku nsozi n'ensolo ez'ensi: era ennyonyi ez'amaddu zirigatuulako mu kyeya, n'ensolo zonna ez'ensi zirigabeerako nu ttoggo.
- 7 Mu biro ebyo ekirabo kirireeterwa Mukama ow'eggye eky'abantu abawanvu era abaweweeu, n'okuva eri abantu abaabanga ab'entiisa kasookedde babeerawo na guno gujwa; eggwanga erigera era eririnyiririra ddala, ensi yaabwe emigga gigisazeemu, eri ekifo eky'erinnya lya Mukama ow'eggye, olusozi Sayuuni.

Essuula 19

- 1 Omugugu gwa Misiri. Laba, Mukama yeebagadde ku kire ekiyita amangu n'ajja mu Misiri: n'ebifaananyi eby'e Misiri birinyeenyebwa mu maaso ge, omutima gwa Misiri gulisaanuuka mu yo wakati.
- 2 Era ndirwanya Abamisiri n'Abamisiri: era balirwaana buli muntu ne muganda we; na buli muntu ne muliraanwa we; ekibuga n'ekibuga, obwakabaka n'obwakabaka.
- 3 N'omwoyo gwa Misiri guliggwaamu wakati mu yo; nange nditta okuteesa kwayo: era baliragulwa eri ebifaananyi, n'eri abasamize, n'eri abo abaliko emizimu, n'eri abalogo.

- 4 Era ndigabula Abamisiri mu mukono gw'omwami omukambwe; era kabaka omukanga alibafuga, bw'ayogera Mukama, Mukama ow'eggye.
- 5 N'amazzi galikendeera mu nnyanja, n'omugga guliweebuuka ne gukala.
- 6 N'emigga giriwunya; obugga obw'e Misiri bulikeewa ne bukala: ebitoogo n'essaalu biriwotoka.
- 7 Amalundiro agali ku Kiyira, ku lubalama lwa Kiyira kwennyini, ne byonna ebisigibwa ku Kiyira, birikala, birigobebwawo, so tebiribaawo nate.
- 8 Era n'abavubi balikaaba, n'abo bonna abasuula amalobo mu Kiyira balinakuwala, n'abo abasuula ebiragala mu mazzi baliggwaamu amaanyi.
- 9 Era nate abo abakola omulimu ogw'obugogwa obusunsule, n'abo abaluka engoye enjeru, balikwatibwa ensonyi.
- 10 N'empagi zaayo zirimenyekamenyeka, abo bonna abakolera empeera balinakuwala mu myoyo.
- 11 Abakulu ab'e Zowani basiruwalidde ddala; okuteesa kw'abateesa ba Falaawo abakiza amagezi kufuuse ng'okw'ensolo: mugamba mutya Falaawo nti Ndi mwana wa bagezi, omwana wa bassekabaka ab'edda?
- 12 Kale nno abasajja bo ab'amagezi bali ludda wa? era bakubuulire kaakano; era bategeere Mukama ow'eggye ky'ateesezza ku Misiri.
- 13 Abakulu ab'e Zowani basiruwadde, abakulu ab'e Noofu balimbiddwa; ejjinja ery'oku nsonda ery'ebika byayo, abo be bakyamizza Misiri.
- 14 Mukama atadde omwoyo ogw'obubambaavu wakati mu yo: era bakyamizza Misiri mu buli mulimu gwayo, ng'omutamiivu atagatta ng'asesema.
- 15 So tewaliba mulimu gwonna gwa Misiri oguyinzika okukolebwa omutwe oba mukira, olusansa oba kitoogo.
- 16 Ku lunaku luli Misiri erifaanana ng'abakazi: era erikankana eritya olw'okukunkumula kw'omukono gwa Mukama ow'eggye, gw'akunkumulira ku yo.
- 17 N'ensi ya Yuda erifuuka ntiisa eri Misiri, buli muntu anaagibuulirwangako anaatyanga, olw'okuteesa kwa Mukama ow'eggye, kw'ateesa ku yo.
- 18 Ku lunaku luli waliba ebibuga bitaano mu nsi y'e Misiri ebyogera olulimi lwa Kanani, ne birayirira Mukama ow'eggye; ekimu kiriyitibwa nti Kibuga kya kuzikirira.
- 19 Ku lunaku luli waliba ekyoto eri Mukama wakati mu nsi y'e Misiri, n'empagi eriba ku nsalo yaayo eri Mukama.
- 20 Era eriba kabonero era omujulirwa eri Mukama ow'eggye mu nsi y'e Misiri: kubanga balikaabira Mukama olw'abajoozi, naye alibaweereza omulokozi, era omukuumi, naye alibalokola.
- 21 Era Mukama alimanyibwa Misiri, n'Abamisiri balimanya Mukama ku lunaku luli; weewaawo, balisiza ne ssaddaaka n'ekitone, era balyeyama obweyamo eri Mukama, era balibutuukiriza.
- 22 Era Mukama alikuba Misiri, ng'akuba era ng'awonya; nabo balidda eri Mukama, naye alyegayirirwa bo, era alibawonya.
- 23 Ku lunaku luli waliba oluguudo oluva mu Misiri olugenda mu Bwasuli, n'Omwasuli alijja mu Misiri, n'Omumisiri mu Bwasuli; n'Abamisiri balisinziza wamu n'Abaasuli.
- 24 Ku lunaku luli Isiraeri aliba wa kusatu wamu ne Misiri n'Obwasuli, omukisa wakati mu nsi:
- 25 kubanga Mukama ow'eggye abawadde omukisa, ng'ayogera nti Baweebwe omukisa Misiri abantu bange, n'Obwasuli omulimu gw'emikono gyange, ne Isiraeri obusika bwange.

Essuula 20

- 1 Mu mwaka Talutani mwe yajjira e Asudodi, Salugoni kabaka w'e Bwasuli bwe yamugaba, n'alwana ne Asudodi n'akimenya;
- 2 mu biro ebyo Mukama n'ayogerera mu Isaaya mutabani wa Amози, nti Genda osumulule ekibukutu mu kiwato kyo era onaanule engatto yo mu kigere kyo. N'akola bw'atyo ng'atambula bwereere nga talina na ngatto.
- 3 Mukama n'ayogera nti Ng'omuddu wange Isaaya bwe yatambulira emyaka esatu obwereere nga talina na ngatto okuba akabonero n'ekyewuunyo ku Misiri ne ku Kuusi;
- 4 bw'atyo kabaka w'e Bwasuli bw'alitwalira ddala abasibe ab'e Misiri, n'abo abagobebwa ab'e Kuusi, abato n'abakulu nga bali bwereere nga tebalina na ngatto, n'amatako gaabwe nga tegabikkiddwako, okukwasa Misiri ensonyi.
- 5 Era balikeentererwa balikwatibwa ensonyi, olwa Kuusi essuubi lyabwe, n'olwa Misiri ekitiibwa kyabwe.
- 6 N'oyo atuula ku ttale lino ery'ennyanya alyogerera ku lunaku luli nti Laba, bwe lifaanana bwe lityo essuubi lyaffe, gye twaddukira okubeerwa okulokoka eri kabaka w'e Bwasuli: naffe tuliwona tutya ffe?

Essuula 21

- 1 Omugugu ogw'eddungu ery'ennyanya. Nga kibuyaga ow'omu bukiika obwa ddyo bw'ayita amangu, bwe watyo bwe wava mu ddungu, mu nsi ey'entiisa.
- 2 Okwolesebwa okuzibu kumbuliddwa; omulyazaamaanyi alyazaamaanya, n'omunyazi anyaga. Yambuka, ggwe Eramu: zingiza, ggwe Obumeedi; okussa ebikkowe kwayo kwonna nkukomezza.
- 3 Ekiwato kyange kyekivudde kijjula okubalagalwa; obulumi bunkutte ng'obulumi bw'omukazi alumwa okuzaala: nnyoleddwa n'okuyinza ne ssiyinza kuwulira; nkeetereddwa n'okuyinza ne ssiyinza kulaba.
- 4 Omutima gwange guwejjawejja, okwesisiwala kunkanze: ekiro kye nnali neegomba kifuisse gye ndi kukankana.
- 5 Bategeka emmeeza, bassaswo abakuumi, balya, banywa: mugolokoke, mmwe abakulu, musiiige amafuta ku ngabo.
- 6 Kubanga bw'atyo Mukama bw'aambye nti Genda osseewo omukuumi; ategeeze ky'analaba:
- 7 era bw'alabanga ekitongole, abeebagala embalaasi babiri nga bali wamu, ekibiina ky'endogoyi, ekibiina ky'eamira, awuliranga nnyo nga yeetegereza bulungi.
- 8 N'akaaba ng'empologoma nti Ai Mukama, bulijjo emisana nnyimirira ku kigo awakuumirwa, era nkeesa obudde nga ndi muggalire.
- 9 era, laba, wajja ekitongole ky'abantu, abeebagala embalaasi babiri nga bali wamu. N'addamu n'ayogera nti Babulooni kigudde, kigudde; n'ebifaananyi byonna ebyole ebya bakatonda baakyo bimenyese okutuuka ku ttaka.
- 10 Woowe ggwe okuwuula kwange era eaano ey'omu gguuliro lyange: ebyo bye mpulidde ebivudde eri Mukama ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, mbibabuulidde.
- 11 Omugugu gwa Duuma. Waliwo ampita ng'ayima ku Seyiri nti Omukuumi, eby'ekirow bitya? Omukuumi, eby'ekirow bitya?
- 12 Omukuumi n'ayogera nti Enkya ejja, era n'ekirow: bwe mwagala okubuuza, mubuuze: mukyuke mujje.
- 13 Omugugu oguli ku Buwalabu. Mu kibira mu Buwalabu mwe mulisula, mmwe ebibiina ebya Abadedeni ebitambula.

- 14 Oyo eyalumwa ennyonta baamuleetera amazzi; abatuula mu nsi ey'e Teema baasisinkana abadduse n'emmere yaabwe.
- 15 Kubanga badduka ebitala, ekitala ekisowole, n'omutego omunaanule, n'obubi bw'entalo.
- 16 Kubanga bw'atyo Mukama bw'aambye nti Omwaka nga tegunnaggwaako, ng'emyaka egy'omusenze akolera empeera bwe gibeera, ekitiibwa kyonna ekya Kedali kirigg-waawo:
- 17 n'abalifikkawo ku muwendo gw'abalasi, abasajja ab'amaayi ab'oku baana ba Kedali, baliba batono: kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri, akyogedde.

Essuula 22

- 1 Omugugu ogw'ekiwonvu eky'okwolesebwa. Obadde otya kaakano, n'okulianya n'olinnyira ddala waggulu ku nnyumba?
- 2 Ggwe ajjudde okuleekaana, ekibuga eky'oluyoogaano, ekibuga eky'essanyu; ababo abattibwa tebattibwa na kitala, so tebafiiridde mu ntalo.
- 3 Abakufuga bonna baddukira wamu, baasibibwa abalasi: bonna abaasangibwa ku babo baasibirwa wamu, baddukira wala.
- 4 Kyenava njogera nti Mukyuse amaaso gammwe obutandaba, naakaaba nnyo amaziga; temutegana kunsanyusa olw'okunyagibwa kw'omuwala w'abantu bange.
- 5 Kubanga lwe lunaku olw'okukeentererwako era olw'okulinnyirirwako, era olw'okubususizabuusizaako, oluva eri Mukama, Mukama ow'eggye mu kiwonvu eky'okwolesebwa; okumenyamenya bbugwe, n'okukaaba eri ensozi.
- 6 Eramu n'ayambalira omufuko, wamu n'amagaali ag'abasajja n'abeebagala embalaasi; Kiira n'asabuukulula engabo.
- 7 Awo olwatuuka ebiwonvu byo ebisinga obulungi ne bijjula amagaali, n'abeebagala embalaasi, ne batalira mu mulyango.
- 8 N'aggyawo ekibikka ku Yuda; n'otunuulira ku lunaku luli ebyokulwanyisa ebyali mu nnyumba ey'omu kibira.
- 9 Ne mulaba ebituli ebyawagulwa mu kibuga kya Dawudi, nga bingi: ne mukuaanya amazzi ag'ekidiba ekya wansi.
- 10 Ne mubala ennyumba ez'omu Yerusalemi, ne mumenyamenya ennyumba okunye-weza bbugwe.
- 11 Era ne musimira ekidiba amazzi ag'ekidiba eky'edda wakati wa babugwe bombi: naye ne mutatunuulira oyo eyagira kino, so temwalowooza oyo eyakikola edda ennyo.
- 12 Era ku lunaku luli Mukama, Mukama ow'eggye, n'ayita abantu okukaaba amaziga n'okuwuubaala n'okumwa ebiwalaata n'okwesiba ebibukutu:
- 13 era, laba ssanyu na kujaguza, kutta nte na kutta ndiga, kulya nnyama na kunywa mwenge: tulye tunywe kubanga enkya tunaafa.
- 14 Mukama ow'eggye ne yeebikkulira mu matu gange nti Mazima obutali butuukirivu buno tebulirongoosebwa okubavaako okutuusa lwe mulifa, bw'ayogera Mukama, Mukama ow'eggye.
- 15 Bw'atyo bw'ayogera Mukama; Mukama ow'eggye, nti Weegendere eri omuwanika oyo, ye Sebuna, ye mukulu w'ennyumba, oyogere nti
- 16 Okola ki wano? era ani gw'olina wano n'okwebajjira ne weebajjira wano entaana? ng'omubajjira entaana waggulu, nga yeetemera ennyumba mu lwazi!
- 17 Laba, Mukama alikukasuka lwa maanyi ng'omusajja ow'amaanyi; weewaawo, alikus-abikira ddala.
- 18 Talirema kukyuka n'akukasuka ng'omupiira mu nsi engazi; eyo gy'olifiira, era eyo amagaali ag'ekitiibwa kyo gye galibeera, ggwe ensonyi z'ennyumba ya mukama wo.

- 19 Nange ndikuggya mu bwami bwo, era alikussa okuva mu bukulu bwo.
- 20 Awo ku lunaku luli ndiyita omuddu wange Eriyakimu mutabani wa Kirukiya:
- 21 era ndimwambaza ekyambalo kyo, ne mmunyweza n'olukoba lwo, era ndimutereso okufuga kwo mu mukono gwe: era aliba kitaabwe eri abo abatuula mu Yerusalemi n'eri ennyumba ya Yuda.
- 22 N'ekisumuluzo eky'ennyumba ya Dawudi ndikiteeka ku kibegabega kye; era aliggalawo so tewaliba aggalawo; era aliggalawo so tewaliba aggulawo.
- 23 Era ndimukomerera ng'enniga mu kifo ekinywevu; era aliba ntebe ya kitiibwa eri ennyumba ya kitaawe.
- 24 Era balimuwanikako ekitiibwa kyonna eky'ennyumba ya kitaawe, ab'enda n'ezzadde, buli kintu ekitono, okuva ku bukompe okutuuka ku bita byonna.
- 25 Ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama ow'eggye, enninga eyakomererwa mu kifo ekinywevu erisimbuka; era eritemebwawo n'egwa, n'omugugu ogwali ku yo gulisalibwako; kubanga Mukama akyogedde.

Essuula 23

- 1 Omugugu gwa Ttuulo. Muwowoggane, mmwe ebyombo eby'e Talusiisi; kubanga kizise, obutabaamu nnyumba newakubadde okuyingiramu; bakibikkuliddwa okuva mu nsi ya Kittimu.
- 2 Musirike, mmwe abatuula ku kizinga; ggwe abasuubuzi ab'e Zidoni abawunguka ennyanja gwe bajjuza.
- 3 Era ku mazzi amangi ensigo za Sikoli, ebikungulwa bya Kiyira, bye byali amagoba ge; era oyo ye yali akatale k'amawanga.
- 4 Kwatibwa ensonyi, ggwe Zidoni: kubanga ennyanja eyogedde, ekigo eky'ennyanja, nti Sinnalumwa kuzaala, so sinnazaala, so sinnayonsa balenzi, so sinnalera bawala.
- 5 Ebigambo bwe birituuka e Misiri, balinakuwalira nnyo ebigambo eby'e Ttuulo.
- 6 Muwunguke mugende e Talusiisi; muwowoggane, mmwe abatuula ku kizinga.
- 7 Kino kye kibuga kyammwe eky'essanyu ekimaze emyaka emingi era ebigerere byakyo ebyakitwalanga mu bitundu eby'ewala olw'obubudamo?
- 8 Ani ateesezza kino ku Ttuulo, ekibuga ekitikkira engule, abasuubuzi baamu balangira, abatunzi baamu be b'ekitiibwa mu nsi?
- 9 Mukama ow'eggye ye akiteesezza, okuvumisa amalala ag'ekitiibwa kyonna, okunyoomesa ab'ebitiibwa bonna mu nsi.
- 10 Yita mu nsi yo nga Kiyira, ggwe muwala wa Talusiisi; tewakyali lukoba olukusiba.
- 11 Agolodde omukono gwe ku nnyanja, anyeenyeezza obwakabaka: Mukama alagidde eby'e Kanani, okuzikiriza ebigo byamu.
- 12 N'ayogera nti Tokyeyongerera kusanyuka, ggwe muwala wa Zidoni ajoogebwa: golokoka, owunguke ogende e Kittimu; era n'eyo toliba na kuwummula.
- 13 Laba, ensi ey'Abakaludaaya; eggwanga lino terikyaliwo; Omwasuli agifudde ey'ensolo ez'omu ddungu: baazimba ebigo byabwe, baasuula amayumba gaamu; yabizikiriza.
- 14 Muwowoggane, mmwe ebyombo eby'e Talusiisi: kubanga ekigo kyammwe kizise.
- 15 Awo olulituuka ku lunaku luli Ttuulo kiryerabirirwa emyaka nsanvu, ng'ennaku za kabaka omu bwe ziriba: emyaka nsanvu nga giweddeko ebiriba ku Ttuulo biriba ng'ebiri mu luyimba olw'omwenzi.
- 16 Ddira ennanga otambuletambule mu kibuga, ggwe omwenzi eyeerabirwa; kuba bulungi ennanga, oyimbe ennyimba nnyingi, olyoke ojjukirwe.
- 17 Awo olulituuka emyaka nsanvu nga giweddeko Mukama alijjira Ttuulo, naye aliddira empeera ye, era alyenda n'obwakabaka bwonna obw'ensi obusaasaanidde wonna.

18 N'ebibye eby'obuguzi n'empeera ye biriba butukuvu eri Mukama: tebiriterekebwa so tebiriwanikibwa; kubanga ebibye eby'obuguzi biriba by'abo abatuula mu maaso ga Mukama, okulyanga okukkuta, n'okuba ebyambalo ebigumu.

Essuula 24

- 1** Laba, Mukama ensi agimalamu byonna, era agizisa, era agivuunika, era asaasaanyiza ddala abagituulamu.
- 2** Era olulituuka ng'abantu bwe baliba, bw'atyo kabona bw'aliba; ng'omuddu bw'aliba, bw'atyo mukama we bw'aliba; ng'omuzaana bw'aliba, bw'atyo mugole we bw'aliba; ng'omuguzi bw'aliba, bw'atyo omutunzi bw'aliba; ng'awola bw'aliba, bw'atyo eyee-wola bw'aliba; ng'aweewwa amagoba bw'aliba, bw'atyo amuwa amagoba bw'aliba.
- 3** Ensi erimalirwamu ddala byonna, era erinyagirwa ddala; kubanga Mukama ayogedde ekigambo ekyo.
- 4** Ensi ewuubaala era esaanuuka, ettaka liggwaamu amaanyi era lisaanuuka, abantu abagulumivu ab'ensi baggwaamu amaanyi.
- 5** Era ensi esiigiddwako empitambi wansi w'abagituulamu; kubanga basobezza amateeka, ne bawaanyisa ekiragi, ne bamenya endagaano eteriggwaawo.
- 6** Ekikolimo kyekyava kirya ensi, n'abo abagituulamu balabise nga gubasinze: abatuula mu nsi kyebava bookebwa, abantu ne basigala batono.
- 7** Omwenge omusu guwuubaala, omuzabbibu guyongobera, bonna abalina emitima egisanyuka bassa ebikkowe.
- 8** Ekinyumu eky'ebitaasa kikoma, oluyoogaano lw'abo abasanyuka luggwaawo, essanyu ery'ennanga likoma.
- 9** Tebalinywa mwenge nga bayimba; ekitamiiza kirikaayirira abo abakinywa.
- 10** Ekibuga eky'okwetabula kimenyesemenyese: buli nnyumba eggaddwawo, omuntu yenna aleme okuyingiramu.
- 11** Waliwo okukaaba mu nguudo olw'omwenge; essanyu lyonna lizikizibwa, ekinyumu eky'ensi kigenze.
- 12** Mu kibuga musigadde okuzika, ne wankaaki akubiddwa n'okuzikirira.
- 13** Kubanga bwe kiti bwe kiribeera wakati mu nsi mu mawanga, nga bwe bakuba omuzeyituuni, nga bwe balonda ezabbibu okunoga nga kuwedde.
- 14** Bano baliyimusa eddoboosi lyabwe, balyogerera waggulu, olw'obukulu bwa Mukama baleekaana nga bayima ku nnyanja.
- 15** Kale mugulumize Mukama ebuwanjuba, erinnya lya Mukama, Katonda wa Isiraeri, mu bizinga eby'omu nnyanja.
- 16** Tuwulidde ennyimba nga ziva ku nkomerero y'ensi, ekitiibwa eri abatuukirivu. Naye ne njogera nti Nkoozimba, nkoozimba, zinsanze! abalyazaamaanyi balyazaamaanyizza; weewaawo, abalyazaamaanyi balyazaamaanyizza nnyo.
- 17** Entiisa n'obunnya n'omutego biri ku ggwe, ggwe atuula mu nsi.
- 18** Awo olulituuka oyo adduka eddoboosi ery'entiisa aligwa mu bunnya; n'oyo alinnya okuva mu bunnya wakati omutego gulimukwata: kubanga ebituli ebya waggulu big-guddwawo, n'emisingi gy'ensi ginyeenya.
- 19** Ensi emenyekedde ddala, ensi esaanuukidde ddala, ensi ejjulukuse nnyo.
- 20** Ensi eritagatta ng'omutamiivu, era eriyuuguumizibwa ng'ensiisira; n'okusobya kwayo kuligizitoowerera, era erigwa n'etegolokoka nate.
- 21** Awo olulituuka ku lunaku luli Mukama alibonereza eggye ery'abagulumivu waggulu, ne bakabaka ab'ensi ku nsi.
- 22** Era balikuaanyizibwa wamu ng'abasibe bwe bakuaanyizibwa mu bunnya, era balisibirwa mu kkomera, era ennaku nnyingi aga ziyiseewo balijirwa.

- 23 Kale omwezi gulikwatibwa ensonyi, n'enjuba eriswala; kubanga Mukama ow'eggye alifugira ku lusozi Sayuuni ne mu Yerusalemi, ne mu maaso g'abakadde be n'ekiti-ibwa.

Essuula 25

- 1 Ai Mukama, ggwe Katonda wange; naakugulumizanga, naatenderezanga erinnya lyo; kubanga okoze eby'ekitalo, bye wateesa edda, mu bwesigwa n'amazima.
- 2 Kubanga ekibuga okifudde ekifunvu; ekibuga ekyaliko enkomera okifudde ebyagwa: eriyumba ery'abagenyi olifudde obutaba kibuga; tekirizimbibwa ennaku zonna.
- 3 Abantu ab'amaanyi kyebaliva bakussaamu ekitiibwa, ekibuga eky'amawanga ag'enti-isa kirikutya.
- 4 Kubanga wabanga kigo eri abaavu, ekigo eri atalina bintu ng'alabye ennaku, ekid-dukiro eri kibuyaga, ekisiikirize eri olubugumu, okuwuuma kw'ab'entiisa bwe kubanga kibuyaga akunta ku kisenge.
- 5 Ng'olubugumu oluli mu kifo ekikalu bw'olikkakkanya bw'otyo oluyoogaano olw'abagenyi; ng'olubugumu bwe lukkakkanyizibwa n'ekisiikirize ky'ekire, oluyimba olw'ab'entiisa lulikkakkanyizibwa.
- 6 Era ku lusozi luno Mukama ow'eggye alifumbira amawanga gonna embaga ey'ebya ssava, embaga ey'omwenge omuka, ey'ebya ssava ebijjudde obusomyo, ey'omwenge omuka ogusengejjeddwa obulungi.
- 7 Era alimirira ddala ku lusozi luno ekibikka kyonna ekyaliiriddwa ku bantu bonna, n'eggigi erisaanikidde ku mawanga gonna
- 8 Yamirira ddala okufa okutuusa ennaku zonna; era Mukama Katonda alisangula amaziga mu maaso gonna; n'ekivume eky'abaatu be alikiggya ku nsi yonna: kubanga Mukama akyogedde.
- 9 Kale kiryogererwa ku lunaku luli nti Laba, ono ye Katonda waffe; twamulindiriranga, era alitulokola: ono ye Mukama, twamulindiriranga, tulisanyuka tulijaguliza obulokozi bwe.
- 10 Kubanga ku lusozi luno omukono gwa Mukama kwe guliwummulira, era Mowaabu alirinyiririrwa mu kifo kye, ng'ebisasiro bwe birinyiririrwa mu mazzi ag'olubungo.
- 11 Era alyanjuluza engalo ze wakati mu kyo, ng'awuga bw'ayanjuluza engalo ze okuwuga: era alikkakkanya amalala ge wamu n'enkwe ez'engalo ze.
- 12 N'ekigo eky'olukomera oluwanvu olwa bbugwe wo akikkakkanyizza, akissizza wansi, n'akituusa ku ttaka okutuuka ne mu nfuufu.

Essuula 26

- 1 Ku lunaku luli oluyimba luno luliyimbirwa mu nsi ya Yuda: nti Tulina ekibuga eky'amaanyi; obulokozi bw'alissaawo okuba bbugwe n'enkomera.
- 2 Mugguleewo enzigi, eggwanga ettuukirivu erikwata amazima liyingire.
- 3 Onoomukuumanga mirembe mirembe, eyesigamya omwoyo gwe ku ggwe: kubanga akwesiga ggwe.
- 4 Mwesigenga Mukama ennaku zonna: kubanga mu Mukama Yakuwa mwe muli olwazi alutaliggwaawo.
- 5 Kubanga akkakkanyizza abo abatuula waggulu, ekibuga ekigulumivu: akissa wansi, akissa wansi okutuuka ne ku ttaka; akikkakkanya okutuuka ne mu nfuufu.
- 6 Ekgere kirikirinnyirira; ebigere by'omwavu, n'ebisinde by'oyo atalina kintu.
- 7 Ekkubo ery'omutuukirivu bugolokofu: ggwe omugolokofu oluamya olugendo olw'omutuukirivu.

- 8 Weewaawo, mu kkubo ery'emisango gyo, ai Mukama, mwe twakulindiriranga; eri erinnya lyo n'eri ekijjukizo kyo ye eri okwoya kw'obulamu bwaffe.
- 9 Nakwoyanga n'obulamu bwange ekiro; weewaawo, nakeeranga mu makya okukunoonya n'omwoyo gwange munda yange: kubanga emisango gyo bwe gibeera mu nsi, abatuula ku ttaka lwe bayiga obutuukirivu.
- 10 Omubi ne bwe bamulaga ekisa, era taliyiga butuukirivu: mu nsi ey'obugolokofu mw'anaakoleranga ebitali bya nsonga, so taliraba bukulu bwa Mukama.
- 11 Mukama, omukono gwo guyimusibwa, naye tebalaba: naye baliraba obunyiikivu bwo olw'abantu ne bakwatibwa ensonyi; weewaawo, omuliro gulyokya abalabe bo.
- 12 Mukama, oliragira emirembe gye tuli: kubanga n'okukola watukolera emirimu gyaffe gyonna.
- 13 Ai Mukama Katonda waffe, abaami abalala awali ggwe baatufuganga; naye ggwe tunaayatulanga erinnya lyo wekka.
- 14 Bafudde, tebaliba balamu; bazikiridde, tebalizuukira: kyewava obajjira n'obasangu-lawo n'obuza okujjukirwa kwabwe kwonna.
- 15 Wayaza eggwanga, ai Mukama, wayaza eggwanga; ogulumizibwa: ogaziyizizza ensalo zonna ez'ensi.
- 16 Mukama, lwe balabye ennaku lwe bakujjidde, baafuka okusaba okukangavvula kwo bwe kwali ku bo.
- 17 Ng'omukazi ali olubuto, ebiro eby'okuzaala kwe nga binaatera okutuuka, bw'alumwa n'akaaba ng'abalagalwa; bwe tutyo bwe twabanga mu maaso go, ai Mukama.
- 18 Twali lubuto, twalumwa, twazaala mpewo; tetwaleeta kulokola kwonna mu nsi; so n'abatuula mu nsi tebagudde.
- 19 Abafu bo baliba balamu; emirambo gyange girizuukira. Muzuukuke muyimbe, mmwe ababeera mu nfuufu: kubanga omusulo gwo guli ng'omusulo ogw'oku middo, n'ettaka liriwandula abafu.
- 20 Jjangu, eggwanga lyange, oyingire mu bisenge byo, weggalire enziigi zo: weekweke akaseera katonu, okutuusa okunyiiga lwe kuliggwaawo.
- 21 Kubanga, laba, Mukama ajja ng'afuluma mu kifo kye okubonereza abatuula mu nsi olw'obutali butuukirivu bwabwe: n'ettaka nalyo liribikkula ku musaayi gwalyo; so teriryeyongerera kubikka ku baalyo abattibwa.

Essuula 27

- 1 Ku lunaku luli Mukama alibonereza lukwata omusota oguwulukuka n'ekitala kye eky'obwogi ekinene eky'amaanyi, ne lukwata ogwegoloonya; era alitta ogusota oguli mu nnyanja.
- 2 Ku lunaku luli Olusuku olw'emizabbibu olw'omwenge muliruyimbira.
- 3 Nze Mukama ndukuuna; naalufukiriranga amazzi buli kaseera: ekintu kyonna kireme okulwonoona, naalukuumanga emisana n'ekiro.
- 4 Ekiruyi tekiri mu nze: singa katazamiti n'amaggwa gannumbye mu lutalo! nandigatabadde, nandigookedde wamu.
- 5 Oba akwate ku maanyi gange, atabagane nange; weewaawo, atabagane nange.
- 6 Mu biro ebiribaawo Yakobo alisimba emmizi; Isiraeri alyanya alimulisa: era balijjuza ensi yonna ebibala.
- 7 Amukubye nga ye bwe yakuba abo abaamukuba? oba attiddwa ng'abo bwe battibwa be yatta?
- 8 Bw'omusindika okugenda owakana naye mu kigero; amujjuludde n'okuwuuma kwe okw'amaanyi ku lunaku olw'embuyaga eziva ebuwanjuba.
- 9 Obutali butuukirivu obwa Yakobo kyebuliva bulongoosebwa n'ekyo, era ekyo kye

kibala kyonna eky'okuggyako ekibi kye; bw'afuula amayinja gonna ag'ekyoto ng'ebisibosibo ebisekulwasekulwa, Baasera n'ebifaananyi by'enjuba n'okuyimuka ne bitayimuka nate.

- 10 Kubanga ekibuga ekyabangako enkomera kifulukwa, matongo agalekeddwawo, ng'eddungu: awo ennyana w'eririira, era awo w'erigalamira n'erya amatabi gaamu.
- 11 Amatabi gaamu bwe galiwotoka, galiwogolwa; abakazi balijja ne bagookya: kubanga be bantu abatalina magezi; eyabakola kyaliva alema okubasaasira, era eyababumba talibalaga kisa.
- 12 Awo olulituuka ku lunaku luli Mukama alikuunta okuva ku ntaba ez'Omugga okutu-usa ku mugga ogw'e Misiri, era mulikungulwa kinnoomu kinnoomu, mmwe abaana ba Isiraeri.
- 13 Awo olulituuka ku lunaku luli ekkondeere eddene lirifuuyibwa; era balijja abo abaali beeteseteese okuzikirira mu nsi y'e Bwasuli n'abo abaali bagobeddwa mu nsi y'e Misiri; era balisinziza Mukama ku lusozi olutukuvu e Yerusalemi.

Essuula 28

- 1 Zisanze engule ey'amalala ag'abatamiivu ab'omu Efulayimu, n'ekimuli ekiwotoka eky'obulungi bwe obw'ekitiibwa, ekiri ku mutwe gw'ekiwonvu ekigimu eky'abo abameggebwa omwenge!
- 2 Laba, Mukama alina ow'amaanyi era omuzira; nga kibuyaga alimu omuzira, embuyaga ezizikiriza, ng'amazzi amangi ag'amaanyi agayanjaala ennyo, bw'atyo bw'alisuula wansi ku ttaka n'omukono.
- 3 Engule ey'amalala ag'abatamiivu ab'omu Efulayimu erinnyirirwa n'ebigere:
- 4 n'ekimuli ekiwotoka eky'obulungi bwe obw'ekitiibwa, ekiri ku mutwe gw'ekiwonvu ekigimu, kiriba ng'ettiini erisooka okwengera ekyeya nga tekinnatuuka; oyo alitunuulira bw'aliraba nga likyali mu mukono gwe alirira ddala.
- 5 Ku lunaku luli Mukama ow'eggye aliba ngule ya kitiibwa, era aliba nkuufiira ya buyonjo, eri abantu be abalifikkawo:
- 6 era aliba mwoyo gwa kusala misango eri oyo atuula ng'asala emisango, era aliba maanyi eri abo abazzaayo olutalo mu mulyango.
- 7 Naye era nabo bakyamye olw'omwenge, era ekitamiiza kibawabizza; kabona ne nnabbi bakyamye olw'omwenge, omwenge gubasaanyizzaawo, bawabye olw'ekitamiiza; bakyama mu kwolesebwa, beesittala mu kusala emisango.
- 8 Kubanga emmeeza zonna zijjudde ebisesemye n'empitambi, obutabaawo kifo kiron-goofu.
- 9 Ani gw'aliyigiriza okumanya? era ani gw'alitegeeza ebibuulirwa? abo abaleseeoyo okuyonka era abavudde ku mabeere?
- 10 Kubanga kiba kiragiwo ku kiragiwo, ekiragiwo ku kiragiwo; olunnyiriri ku lunayiriri, olunnyiriri ku lunnyiriri; wano katono, awo katono.
- 11 Nedda, naye alyogera n'abantu bano n'emimwa emigenyi era n'olulimi olulala:
- 12 be yagamba nti Kuno kwe kuwummula, mumuwe okuwummula oyo akooye; era kuno kwe kuweera: naye ne bataganya kuwulira.
- 13 Ekigambo kya Mukama kyekiriva kibeera gye bali ekiragiwo ku kiragiwo, ekiragiwo ku kiragiwo; olunnyiriri ku lunnyiriri, olunnyiriri ku lunnyiriri; wano katono, awo katono; bagende bagwe bugazi bamenyeke bategebwe bakwatibwe.
- 14 Kale, muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abanyooma, abafuga abantu bano abali mu Yerusalemi nti
- 15 Kubanga mwogedde nti Tulagaanye endagaano n'okufa, era tutabaganye n'amagombe; ekibonyoobonyo ekyanjaala bwe kiriyitamu, tekiritutuukako; kubanga tufudde

eby'obulimba ekiddukiro kyaffe, era twekwese wansi w'obukuusa:

- 16 Mukama Katonda kyava ayogera nti Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja okuba omusingi, ejjinja eryakembwa, ejjinja ery'oku nsonda ery'omuwendo omungi erinywezebwa ennyo wansi: akkiriza talyanguyiriza.
- 17 Era ndifuula omusango okuba omugwa ogugera, n'obutuukirivu okuba omugwa ogutereeza: n'omuzira gulyerera ddala ekiddukiro eky'obulimba, n'amazzi galyanjaala ku kifo eky'okwekwekamu.
- 18 N'endagaano gye mwalagaana n'okufa erijjulukuka, so n'okutabagana kwammwe kwe mwatabagana n'amagombe tekulinywera; ekibonyoobonyo ekiryanjaala bwe kiriyi-tamu, ne kiryoka kibalinyirira wansi.
- 19 Buli lwe kinaayitangamu; kinaabakwatanga; kubanga buli lukya kinaayitangamu emisana n'ekiro: era okutegeera ebibuulirwa kuliba ntiisa nsa.
- 20 Kubanga ekitanda kimpi omuntu n'okuyinza n'atayinza kukyegololerako; n'eky'okwebikkako kyako kifunda n'okuyinza n'atayinza kukyebikka.
- 21 Kubanga Mukama aligolokoka nga bwe yagolokokera ku lusozi Perazimu, alisungu-wala nga bwe yasunguwalira mu kiwonvu eky'e Gibyoni; akole omulimu gwe, omulimu gwe ogw'ekitalo, era atuukirize ekikolwa kye, ekikolwa kye eky'ekitalo.
- 22 Kale nno temuba banyoomi, enjegere zammwe zireme okunywezebwa: kubanga okukomekkereza era okwateesebwa kwe mpulidde okuva eri Mukama, Mukama ow'eggye, ku nsi yonna.
- 23 Mutege amatu muwulire eddoboosi lyange; mutegereze muwulire ebigambo byange.
- 24 Omulimi alima lutata okusiga? akabala lutata n'akuba amavuunike ag'ettaka lye?
- 25 Bw'amala okulittaanya lyonna, tayiwa ntinnamuti, n'asaasaanya kumino, n'asiga eaano ennyiriri ne sayiri mu kifo ekiragiddwa n'obulo ku lubibiro lwako?
- 26 Kubanga Katonda we amutegeza bulungi, amuyigiriza.
- 27 Kubanga entinnamuti teziwuulibwa na kintu kya bwogi, so ne kumino tebaginyooler-anyoolerako namuziga w'eggaali; naye entinnamuti ziwuulibwa na muggo, ne kumino na luga.
- 28 Eaano ey'omugaati bagisa busa; kubanga talimala nnaku zonna ng'agiwuula: era namuziga w'eggaali lye n'embalaasi ze ne bwe bigisaasaanya, era tagisa.
- 29 Era n'ekyo kivudde eri Mukama ow'eggye, ow'ekitalo okuteesa ebigambo, asinga bonna amagezi.

Essuula 29

- 1 Owange, Alyeri, Alyeri, ekibuga Dawudi kye yasiisirako mugatte omwaka ku mwaka; embaga zituukire mu ntuuko zaazo:
- 2 ne ndyoka nakuwaza Alyeri, era walibaawo okukaaba n'okuwuubaala: era aliba gye ndi nga Alyeri.
- 3 Era ndikusiisirako enjuyi zonna, era ndikuzingiza n'ekigo, era ndikuzimbako enkomera ez'okuzimbirira.
- 4 Era olikkakkanyizibwa, era olyogera ng'oyima mu ttaka, n'ebigambo byo biriba wansi nga biyima mu nfuufu; n'eddoboosi lyo liriba ng'eryoyo aliko omuzimu, nga liyima mu ttaka, n'ebigambo byo biryogerwa kyama nga biyima mu nfuufu.
- 5 Naye ekibiina eky'abalabe bo kiriba ng'effufugge, n'ekibiina eky'ab'entiisa kiriba ng'enfuufu efuumuuka: weewaawo, kiriba kya kaseera mangu ago.
- 6 Alijirwa Mukama ow'eggye n'okubwatuka n'ekikankano ky'ensi, n'eddoboosi eddene, n'omuzimu ne kibuyaga n'olulimi olw'omuliro ogwokya.
- 7 N'ekibiina eky'amawanga gonna agalwana ne Alyeri, gonna agalwama naye n'ekigo kye, n'abamuteganya kiriba ng'ekirooto, okwolesebwa okw'ekiro.

- 8 Awo kiriba ng'omuyala bw'aloota, era, laba, ng'alya naye n'azuukuka, n'obulamu bwe nga tebukkuse: oba ng'ow'ennyonta bw'aloota, era, laba, ng'anywa; naye n'azuukuka, era, laba, ng'azirika n'obulamu bwe nga bwoya: bwe kityo bwe kiriba ekibiina eky'amawanga gonna agalwana n'olusozi Sayuuni.
- 9 Mulindirire mwewuunye; mwesiimire ddala muzibe amaaso: batamidde, naye si na mwenge; batagatta, naye si na kitamiiza.
- 10 Kubanga Mukama afuse ku mmwe omwoyo ogw'otulo otungi, era azibye amaaso gammwe, bannabbi; n'emitwe gyammwe, abalaguzi, agibisseeko.
- 11 N'okwolesebwa kwonna kufuuse gye muli ng'ebigambo eby'omu kitabo ekissibwako akabonero, abantu kye bawa omuntu eyayigirizibwa nga boogera nti Soma kino, nkwegayiridde: n'ayogera nti Siyinda, kubanga kissibwako akabonero:
- 12 ne bamuwa ekitabo oyo ataayigirizibwa nga boogera nti Soma kino, nkwegayiridde: n'ayogera nti Siyigirizibwanga.
- 13 Mukama n'ayogera nti Kubanga abantu bano banseemberera ne banzisaamu ekitiibwa kya mu kamwa kaabwe era kya ku mimwa gyabwe, naye omutima gwabwe baguntadde wala, n'okuntya kwame kiragiyo kya bantu kye bayigirizibwa:
- 14 kale, laba, enda okukola omulimu ogw'ekitalo mu bantu bano, omulimu ogw'ekitalo era eky'amagero: n'amagezi g'abagezigezi baabwe galizikirira, n'okutegeera kwa bakabaka baabwe kulikwekebwa.
- 15 Zibasanze abo abakka ennyo wansi okukweka Mukama okuteesa kabwe, n'emirimu gyabwe giri mu kizikiza, ne boogera nti Ani atulaba? era ani atumanyi?
- 16 Muvuunikira ddala ebintu. Omubumbi balimwenkanya ebbumba; ekintu ekikolebwa n'okwoogera ne kyogera ku oyo ayakikola nti Teyankola; oba ekintu ekibumbibwa ne kyogera ku oyo ayakibumba nti Talina magezi?
- 17 Tekyasigaddeyo kiseera kitono nnyo Lebanoni alifuusibwa ennimiro eimu, n'ennimiro eimu baligiyita kibira?
- 18 Era ku lunaku luli omuggavu w'amatu aliwulira ebigambo by'omu kitabo, n'amaaso g'omuzibe galiraba okuva mu butalaba ne mu kizikiza.
- 19 Era abawombeefu balyeyongera okusanyukira Mukama, b'abaavu mu bantu balisanyukira Omutukuvu owa Isiraeri.
- 20 Kubanga ow'entiisa bamudibizza, n'omunyoombi akoma, n'abo bonna abalabirira obutali butuukirivu bazikiridde:
- 21 abafuula omuntu omusobya mu musango, ne bamutegeera omutege anenya mu mulyango, ne bakyamya omutuukirivu n'ekitaliimu.
- 22 Mukama eyanunula Ibulayimu kyava ayogera mu nnyumba ya Yakobo talikwatibwa nsonyi kaakano, so n'amaaso ge tegalikyuka bbala lyago.
- 23 Naye bw'aliraba abaana be, omulimu ogw'engalo zange, wakati mu ye, balitukuza erinnya lyange; weewaawo, balitukuza Omutukuvu owa Yakobo, era balitekemukira Katonda wa Isiraeri.
- 24 Era n'abo abakyama mu mwoyo, balifuuka abategeevu, n'abo abeemulugunya baliyiga okuyigirizibwa.

Essuula 30

- 1 Zibasanze abaana abajeemu bw'ayogera Mukama, abateesa ebigambo, naye si nange; era ababikka n'ekibikka, naye si kya mwoyo gwange, balyoke bongere ekibi ki kibi:
- 2 abatambula okuserengeta okugenda e Misiri, so nga tebabuuzizza mu kamwa kange; okwenyweza mu maanyi ga Falaawo, n'okwesiga ekisiikirize eky'e Misiri!
- 3 Amaanyi ga Falaawo kyegaliva gabeera ensonyi zammwe, n'okwesiga ekisiikirize eky'e Misiri kuliba kuswala kwammwe.

- 4 Kubanga abakulu be bali Zowani, n'ababaka be batuuse e Kanesi.
- 5 Bonna balikwatirwa ensonyi abantu abatayinza kubagasa abatayamba newakubadde okugasa wabula ensonyi era ekivume.
- 6 Omugugu ogw'ensolo ez'omu bukiika obwa ddyo. Bayita mu nsi ey'okulaba ennaku n'okubalagalwa, omuva empologoma enkazi n'ensajja, embalasaasa n'omusota ogw'omuliro ogubuuka nga batikka obugagga bwabwe ku mabega g'endogoyi ento, n'ebintu byabwe ku mabango g'eamira nga bagenda eri abantu abatagenda kubagasa.
- 7 Kubanga Misiri abeerera bwereere era busa: kyenvudde mmuyita Lakabu atuula obutuuzi.
- 8 Kale genda okiwandiikire ku kipande mu maaso gaabwe, okiteeke ne mu kitabo, kibeere kya biro ebigenda okujja emirembe n'emirembe.
- 9 Kubanga be bantu abajeemu, abaana ab'obulimba, abaana abataganya kuwulira mateeka ga Mukama:
- 10 abagamba abalabi nti Temulabanga; n'abalaguzi nti Temutulaguliranga bya mazima, mutubuulire ebiweweavu mulagule eby'obulimba:
- 11 muve mu luguudo, nukyame okuva mu kkubo, Omutukuvu owa Isiraeri mumumalewo mu naaso gaffe.
- 12 Kyava ayogera Omutukuvu owa Isiraeri nti Kubanga munyoomye ekigambo kino ne mwesiga okujooga n'obubambaavu ne mwesigama okwo;
- 13 obutali butuukirivu buno kyebuliva bubeera gye muli ng'ekituli ekiwagule ekyagala okugwa, ekizimba enkundi mu kisenge ekiwanvu, okumenyeka kwakyo kujja mangu obutamanyirira.
- 14 Era alikimenya ng'ekintu eky'omubumbi bwe kimenyeka, ng'akimenyamenya awatali kusaasira; n'okulabika ne wataabika lugyo mu bitundu byakyo olw'okusena omuliro mu kyoto, oba olw'okusena amazzi mu kidiba.
- 15 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda, Omutukuvu owa Isiraeri nti Mu kudda ne mu kuwummula mwe mulirokokera; mu kutereera ne mu kwesiga mwe muliba amaanyi gammwe: mmwe ne mutayagala.
- 16 Naye ne mugamba nti Nedda, kubanga tuliddukira ku mbalaasi; kyemuliva mudduka: era nti Tulyebagala ku z'embiro; abalibagoberera kyebaliva babeera ab'embiro.
- 17 Olukumi balidduka olw'okuboggola kw'omu; olw'okuboggola kw'abataano mulidduka: okutuusa lwe mulisigala ng'omulongooti oguli ku ntikko y'olusozi, era ng'ebendera eri ku kasozi.
- 18 Era Mukama kyaliva alinda, abakwatirwe ekisa, era kyaliva agulumizibwa abasaasire: kubanga Mukama Katonda alaba ensonga; balina omukisa bonna abamulindirira.
- 19 Kubanga abantu balituula ku Sayuuni e Yerusaaemi: tolikaaba nate maziga; talirema kukukwatirwa kisa olw'eddoboozi ery'okukaaba kwo; bw'aliwulira alikwanukula.
- 20 Era Mukama newakubadde ng'akuwa emmere ey'okulaba ennaku n'amazzi ag'okubonyaabonyezebwa, naye abayigiriza bo nga tebakyakwekebwa nate, naye amaaso go galiraba abayigiriza bo:
- 21 n'amatu go ganaawuliranga ekigambo ekikuvaako ennyuma nga kyogera nti Lino lye kkubo, mulitambuliremu; bwe munaakyamiranga ku mukono ogwa ddyo, era bwe munaakyamiranga ku gwa kkono.
- 22 Era mulyonoona ebibikka ku bifaananyi byo ebyole ebya ffeeza, n'ebisaanikira ku bifaananyi byo ebifumbe ebya zaabu: olibisuulira ddala ng'ekintu ekitali kirongoofu; olikgamba nti Vaawo.
- 23 Era alitonnyesa enkuba ey'ensigo zo, z'olisiga mu ttaka; era aligaba emmere ey'ekyengera eky'ettaka, era eriba imu era nnyingi: ku lunaku luli ebisibo byo biririira mu malundi amagazi.
- 24 Era ente n'endogoyi ento ezirima ettaka zinaalyanga ebyokulya ebirimu omunyo,

ebyawewebwa n'olugali n'ekiwujjo.

- 25 Era ku buli lusozi olugulumivu ne ku buli kasozi akawanvu kuliba ensulo n'emigga gy'amazzi, ku lunaku olw'okutta abangi, ebigo bwe birigwa.
- 26 Era omusana gw'omwezi guliba ng'omusana gw'enjuba, n'omusana gw'enjuba gulyeyongerera emirundi musanvu ng'omusana gw'ennaku omusanvu, ku lunaku Mukama lw'alisibirako ekinuubule eky'abantu be n'awonya ekiwundu eky'okufu-mitibwa kwabwe.
- 27 Laba, erinnya lya Mukama liva wala, nga lyaka n'obusungu bwe, era nga linyooka omukka omuziyivu emimwa gye gijjudde okunyiiga, n'olulimi lwe luli ng'omuliro ogwokya:
- 28 n'omukka gwe guli ng'omugga ogwanjaala, ogutuuka ne mu bulago, okukuunta amawanga n'olugali olw'obutaliimu: n'olukoba oluwabya luliba mu mba z'amawanga.
- 29 Muliba n'oluyimba ng'ekiro bwe bakwata embaga entukuvu n'essanyu ery'omu mutima, ng'omuntu bw'agenda n'endere okujja ku lusozi lwa Mukama, eri Olwazi lwa Isiraeri.
- 30 Era Mukama aliwuliza eddoboosi lye ery'ekitiibwa, era aliraga okukka kw'omukono gwe, n'okunyiiga kw'obusungu bwe, n'olulimi lw'omuliro ogwokya n'okubwatuka ne kibuyaga n'omuzira.
- 31 Kubanga olw'eddoboosi lya Mukama Omwasuli alimenyekamenyeka, eyakubanga n'oluga.
- 32 Na buli lwe banaamukubanga n'omugga ogwalagirwa, Mukama gw'alimuteekako, wanaabangawo ebitaasa n'ennanga: era alirwana nabo mu ntalo ez'okunyeenya.
- 33 Kubanga Tofesi kyategekebwa okuva edda; weewaawo, kyateekerwateekerwa kabaka; akifudde kiwanvu era kinene: ekikoomi kyakyo muliro na nku nnyingi; omukka gwa Mukama, ng'omugga ogw'ekibiriiti, gukyasa.

Essuula 31

- 1 Zibasanze abo abaserengeta e Misiri okubeerwa, era abeesiga embalaasi; era abeesiga amagaali kubanga mangi, n'abeebagala embalaasi kubanga ba maanyi mangi; naye tebatunuulira Mutukuvu wa Isiraeri so tebanoonya Mukama!
- 2 Naye era naye wa magezi, era alireeta obubi, so talikomyawo bigambo bye: naye aligolokokera ku nnyumba y'abo abakola obubi ne ku buyambi bw'abo abakola ebitali bya butuukirivu.
- 3 Kale nno Abamisiri bantu buntu so si Katonda; n'embalaasi zaabwe mubiri bubiri so si mwoyo: era Mukama bw'aligolola omukono gwe, oyo ayamba alyesittala era n'oyo ayambwa aligwa, kale bonna baliggweerawo wamu.
- 4 Kubanga bw'atyo Mukama bw'aamba nti Ng'empologoma bw'ewulugumira ku muyiggo gwayo n'empologoma ento, abasumba abangi bwe bayitibwa okugirumba, teritiisibwa na ddooboozi lyabwe, so teryetoowaza lwa kuyoogaana kwabwe: bw'atyo Mukama ow'eggye bw'alikka okulwanira ku lusozi Sayuuni ne ku kasozi kaako.
- 5 Ng'ennyonyi ezibuuka, bw'atyo Mukama ow'eggye bw'anaakuumanga Yerusaalemi; anaakikumanga n'akiwonya, aliyitako n'akirokola.
- 6 Mukyukire oyo gwe mwajeemerera ddala, mmwe abaana ba Isiraeri.
- 7 Kubanga ku lunaku luli balisuulira ddala buli muntu ebifaananyi bye ebya ffeeza, n'ebifaananyi bye ebya zaabu, engalo zammwe mmwe bye zaabakolera okuba ekibi.
- 8 Awo Omwasuli aligwa n'ekitala ekitali kya bantu; n'ekitala ekitali kya bantu kir-imulya: era alidduka ekitala, n'abavubuka be balifuuka musolo.
- 9 N'olwazi lwe lulivaawo olw'okwesisiwala, n'abakulu be balikeentererwa

olw'ebendera, bw'ayogera Mukama, omuliro gwe guli ku Sayuuni n'ekikoomi kye mu Yerusaalemi.

Essuula 32

- 1 Laba, kabaka alifuga n'obutuukirivu, n'abakulu balifuga n'omusango.
- 2 Era omuntu aliba ng'ekifo eky'okwekwekamu eri empewo, n'ekiddukiro eri kibuyaga; ng'emigga gy'amazzi mu kifo ekikalu, ng'ekisiikirize ky'olwazi olunene mu nsi ekooyesa.
- 3 N'amaaso g'abo abalaba tegalibaako kifu, n'amatu g'abo abawulira galiwuliriza.
- 4 N'omutima gw'oyo eyeeyinula gulitegeera okumanya, n'olulimi lw'abanaanaagize lulyeteekateeka okwogera obulungi.
- 5 Omugwagwa nga tebakyamuyita mugabi, so n'omukodo nga tebamuyita wa kisa.
- 6 Kubanga omugwagwa alyogera eby'obugwagwa, n'omutima gwe gulikola ebitali bya butuukirivu, okukola eby'okuvuma Katonda, n'okwogera ebikyamu ku Mukama, okulumya enjala obulamu bw'omuyala, n'okumalawo ow'ennyonta kye yandinywedde.
- 7 Era n'ebintu eby'omukodo bibi: asala enkwe embi okuzikiriza omuwombeefu n'ebigambo eby'obulimba atalina kintu ne bw'ayogera eby'ensonga.
- 8 Naye omugabi alowooza bya kugaba; era mu by'okugaba mw'alinywerera.
- 9 Mugolokoke, mmwe abakazi abalangajja, muwulire eddoozi lyange; mmwe abawala abataliiko kye mulowooza, mutegere amatu ebigambo byange.
- 10 Mulinakuwalira ennaku ezirisussa omwaka, mmwe abakazi abataliiko kye mulowooza: kubanga ebikungulwa eby'emizabbibu birifa, okukungula tekulituuka.
- 11 Mukankane, mmwe abakazi abalangajja; munakuwale, mmwe abataliiko kye mulowooza: mwambule mubeere bwereere, mwesibe ebibukutu mu biwato byammwe.
- 12 Balikuba mu kifuba olw'ennimiro ez'okusanyuka, olw'omuzabbibu omugimu.
- 13 Ku nsi y'abantu bange kulimera amaggwa ne katazamiti; weewaawo, ku nnyumba zonna ez'essanyu mu kibuga eky'essanyu:
- 14 kubanga olubiri lulirekebawo; ekibuga eky'abantu abangi kiriba kifulukwa; olusozi n'ekigo ekirengererwako biriba mpuku ennaku zonna, ssanyu lya ntulege, ddundiro lya magana;
- 15 okutuusa omwoyo lwe gultufukibwako okuva waggulu, eddungu ne lifuuka ennimiro eimu, ennimiro eimu ne bagiyita kibira.
- 16 Kale omusango gultuula mu ddungu, n'obutuukirivu bulibeera mu nnimiro eimu.
- 17 N'omulimu gw'obutuukirivu guliba mirembe; era obutuukirivu bulireeta okutereera n'okwesiganga ennaku zonna.
- 18 N'abantu bange balituula mu kifo eky'emirembe ne mu nnyumba ez'enkalakkalira, ne mu biwummulo ebitereevu.
- 19 Naye omuzira gultonnya, ekibira bwe kirigwa; n'ekibuga kirisuulirwa ddala wansi.
- 20 Mulina omukisa mmwe abasiga ku mabbali g'amazzi gonna, abasindika ebigere by'ente n'endogoyi.

Essuula 33

- 1 Zikusanze ggwe anyaga so tonyagibwanga; era alyazaamaanya, so tebakulyazaamaanya! Bw'olireka okunyaga, n'olyoka onyagibwa; era bw'olimalira ddala okulyazaamaanya, ne balyoka bakulyazaamaanya.
- 2 Ai Mukama, tukwatirwe ekisa; twakulindirira: beera mukono gwabwe buli nkya, era

obulokozi bwaffe mu biro eby' okulabiramu ennaku.

- 3 Olw'eddoboozi ery'okuyoogaana amawanga gadduse: olw'okweyimusa ggwe amawanga gasaasaanye.
- 4 N'omunyago gwammwe gulikuaanyizibwa ng'akawuka bwe kakuaanya: ng'enzige bwe zigwa bwe baligugwako bwe batyo.
- 5 Mukama agulumizibwa kubanga atuula waggulu: ajjuzizza Sayuuni omusango n'obutuukirivu.
- 6 Era walibaawo enkalakkalira mu biro byo, obulokozi obusukkirira, amagezi n'okumanya: okutya Mukama bwe bugagga bwe.
- 7 Laba, abazira baabwe bakaabira bweru: ababaka ab'emirembe bakaaba nnyo amaziga.
- 8 Enguudo zizise, omutambuze aggwaawo: amenye endagaano, anyoomye ebibuga, tassaayo mwoyo eri abantu.
- 9 Ensi ewuubaala eyongobera: Lebanooni akwatiddwa ensonyi awotoka: Saloni ali ng'eddungu; ne Basani ne Kalumeeri bawaatula.
- 10 Kaakano naagolokoka, bw'ayogera Mukama; kaakano neeyimusa kaakano naagulumizibwa.
- 11 Muliba mbuto za bisusunku, mulizaala ssubi: omukka gwammwe muliro ogulibookya.
- 12 N'amawanga galiba ng'okwokya kw'ensimbi: ng'amaggwa agatemebwa agookerwa mu muliro.
- 13 Muwulire, mmwe abali ewala bye nkoze; nammwe abali okumpi mukkirize amaanyi gange.
- 14 Abalina ebibi abali mu Sayuuni batidde; okukankana kugudde ku abo abatatya Katonda. Ani ku ffe alituula awamu n'omuliro ogwokya? ani ku ffe alituula awamu n'okwokya okutaliggwaawo?
- 15 Oyo atambula n'obutuukirivu, era ayogera eby'amazima; oyo anyooma amagoba agava mu kujooga, akunkumula engalo ze obutakwata nguzi, aziba amatu ge obutawulira musaayi, era aziba amaaso ge obutatunuulira bubi;
- 16 oyo ye alituula waggulu: ekifo kye eky'okwekuuma kiriba nkomera za mayinja: emmere ye anaagiweebwanga; amazzi ge galiba ga nkalakkalira.
- 17 Amaaso go galiraba kabaka mu bulungi bwe: galiraba ensi eziyimirira ewala.
- 18 Omutima gwo gulifumiitiriza entiisa: ali ludda wa oyo eyabala, ali ludda wa oyo eyagera omusolo? ali ludda wa oyo eyabala ebigo?
- 19 Toliraba ggwanga kkakali, eggwanga eririna enjogera enzibu gy'otoyinja kumamya; eririna olulimi olunnaggwanga lw'otoyinja kutegeera.
- 20 Tunuulira Sayuuni, ekibuga eky'embaga zaffe: amaaso go galiraba Yerusaalemi nga kifo kya kutuulamu kitereevu, eweema eterijjululwa, enkondo zaayo tezirisimbulwa ennaku zonna, so tewaliba ku migwa gyayo egirikutulwa.
- 21 Naye eyo Mukama alibeera naffe mu bukulu, ekifo eky'emigga emigazi n'ensulo; omutaliyita lyato erivugibwa, so n'ekyombo ekinene tekirigendamu.
- 22 Kubanga Mukama ye mulamuzi waffe, Mukama ye muteesi w'amateeka gye tuli, Mukama ye kabaka waffe; ye alitulokola.
- 23 Emigwa gyo egisiba gisumulukuse; tebayinza kunyweza kikolo kya mulongooti gwabwe, tebayinza kuwanika ttanga: awo ne bagereka ebintu eby'omunyago omunene; abawenyera baatwala omunyago.
- 24 N'oyo atuulamu talyogera nti Ndi mulwadde: abantu abatuula omwo balisonyiyibwa obutali butuukirivu bwabwe.

Essuula 34

- 1 Musembere, mmwe amawanga, okuwulira; era muwulirize, mmwe abantu: ensi ewulire n'okujjula kwayo; ettaka n'ebintu byonna ebirivaamu.
- 2 Kubanga Mukama alina okunyiiga ku mawanga gonna, n'ekiruyi ku ggye lyabwe lyonna: abazikiririzza ddala, abagabudde okuttibwa.
- 3 Era abaabwe abattibwa balisuulibwa ebweru, n'ekivundu eky'emirambo gyabwe kiririnnya, n'ensozi zirisaanuuka olw'omusaayi gwabwe.
- 4 N'eggye lyonna ery'omu ggulu liryabulukuka, n'eggulu lirizingibwa ng'omuzingo gw'empapula: n'eggye lyalyo lyonna liryongobera, ng'akalagala bwe kayongobera ne kava ku muzabbibu, era ng'akalagala akayongobera bwe kava ku mutiini.
- 5 Kubanga ekitala kyange kinywedde okukkuta mu ggulu: laba, kirigwa ku Edomu, ne ku bantu ab'ekikolimo kyange, olw'omusango.
- 6 Ekitala kya Mukama kijjudde omusaayi, kisavuwadde n'amasavu, n'omusaayi gw'abaana b'endiga n'embuzi, n'amasavu ag'ensigo z'endiga ennume: kubanga Mukama alina ssaddaaka e Bozula, n'okutta abangi mu nsi ya Edomu.
- 7 N'embogo ziriserengeta wamu nazo, n'ente wamu ne ziseddume; n'ensi yaabwe eritamiira omusaayi, n'enfuufu yaabwe erisavuwala n'amasavu.
- 8 Kubanga lwe lunaku olw'okuwalana eggwanga lya Mukama, omwaka ogw'okusasula empeera mu mpaka za Sayuuni.
- 9 N'emigga gyayo girifuuka bulimbo, n'enfuufu yaayo kibiriiti, n'ensi erifuuka bulimbo obwaka.
- 10 Terizikizibwa misana newakubadde ekiro; omukka gwayo gunaanyookanga ennaku zonna: emirembe n'emirembe eneebeereranga awo ng'ezise; tewaabenga anaagiyi-tangamu emirembe n'emirembe.
- 11 Naye kimbala ne namunnungu be banaabanga bannyini yo; n'ekiwugulu ne namuona be banaatuulanga omwo: era aligireegako omugwa ogw'okwetabula, n'amayinja agatereeza ag'obutaliimu.
- 12 Baliyita abakungu baayo okujja mu bwakabaka, naye tewaliba alibaayo; n'abalangira baayo bonna baliba si kintu.
- 13 N'amaggwa galimera mu mayumba gaayo, emyennyango n'amatovu mu bigo byayo: era eneebanga nnyumba za bibe, luggya lwa bamaaya.
- 14 N'ensolo enkambwe ez'omu ddungu zirisinkana n'emisege, n'eya zigeye eriyitiriza ginnaayo; weewaawo, ennyonyi ey'ekiro erigwa eyo, ne yeerabira ekiwummulo.
- 15 Eyo ekkufufu gye lirizimbira ekisu kyalyo, ne libiika, ne limaamira, ne likuaanya wansi w'ekisiikirize kyalyo: weewaawo, eyo bakamunye gye balikuaanira, buli omu wamu ne munne.
- 16 Munoonye mu kitabo kya Mukama musome: tekulibula ku ebyo na kimu, tewaliba ekiribulwa kinnaakyo: kubanga akamwa kange ke kalagidde, n'omwoyo gwe gwe gubikuaanyizza.
- 17 Era abikubidde obululu, n'omukono gwe gubigabidde n'omugwa: binaagiryanga ennaku zonna, emirembe n'emirembe binaatuulanga omwo.

Essuula 35

- 1 Olukoola n'amatongo birijaguza; n'eddungu lirisanyuka, lirisansula ng'ekiyirikiti.
- 2 Lirisukkiriza okusansula, lirisanyuka n'essanyu n'okuyimba; ekitiibwa kya Lebanoni kiririwebwa, obulungi obungi obwa Kalumeeri ne Saloni: baliraba ekitiibwa kya Mukama, obulungi obungi obwa Katonda waffe.
- 3 Munyweze emikono eminafu, mukakase n'amaviivi agajugumira.

- 4 Mugambe abo abalina omutima omuti nti Mubeere n'amaanyi, temutya: laba Katonda wammwe alijja n'okuwalana eggwanga, n'empeera ya Katonda; alijja n'abalokola.
- 5 Awo amaaso g'omuzibe w'amaaso ne galyoka gazibuka, n'amatu g'omuggavu w'amatu galigguka.
- 6 Awo awenyera n'alyoka abuuka ng'ennangaazi, n'olulimi lwa kasiru luliyimba: kubanga amazzi galitiiriikira mu lukoola, n'emigga mu ddungu.
- 7 N'omusenyu ogumasamasa gulifuuka ekidiba, n'ettaka ekkalangufu nzizi za mazzi: mu kifo eky'ebibe mwe byagalamiranga, muliba omuddo n'essaalu n'ebitoogo.
- 8 Era eribaayo oluguudo, n'ekkubo, era liriyyitibwa nti Kkubo lya butukuvu; abatali balongoofu tebaliriyitamu; naye liriba lya bali: abatambuze, weewaawo abasirusiru, tebaliriwabiramu.
- 9 Teribaayo mpologoma, so tekulirinnyako nsolo yonna ey'amaddu, tezirimabikayo; naye abaanunulibwa be baliritambuliramu:
- 10 n'aba Mukama abaagulibwa balikomawo, ne bajja e Sayuuni nga bayimba; n'essanyu eritaliggwaawo liribeera ku mitwe gyabwe: balifuna essanyu n'okujaguza, n'okunakuwala n'okusinda kuliddukira ddala.

Essuula 36

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ena ogwa kabaka Keezeekiya, Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'ayambuka okulumba ebibuga byonna ebya Yuda ebyaliko enkomera, n'abimenya.
- 2 Awo kabaka w'e Bwasuli n'agaba Labusake okuva e Lakisi okugenda e Yerusaalemi eri kabaka Keezeekiya ng'alina eggy'e eddene. N'ayimirira ku mabbali g'olusalosalo olw'ekidiba eky'engulu mu luguudo olw'ennimiro ey'omwozi.
- 3 Awo ne bafuluma ne bajja gy'ali Eriyakimu mutabani wa Kirukiya, eyali omukulu w'ennyumba, ne Sebuna omuwandiisi, ne Yowa mutabani wa Asafu omujjukiza.
- 4 Labusake n'abagamba nti Mugambe kaakano Keezeekiya nti Bw'atyo bw'ayogera kabaka omukulu, kabaka w'e Bwasuli, nti Bwesige ki bunu bwe weesiga?
- 5 Nze amba nti okuteesa kwo n'amaanyi olw'entalo bigambo bugambo ebitaliimu: ani nno gwe weesiga n'okujeema n'onjeemera nze?
- 6 Laba, weesigama ku muggo ogw'olumuli luno olubetentefu, ye Misiri; omuntu bwe yeesigama okwo, guyingira mu ngalo ze ne guzifumita: bw'atyo bw'abeera Falaawo kabaka w'e Misiri eri abo bonna abamwesiga.
- 7 Naye bw'onoamba nti Twesiga Mukama Katonda waffe: si ye wuuyo Keezeekiya gwe yaggyako ebifo bye ebigulumivu n'ebyoto bye, n'agamba Yuda ne Yerusaalemi nti Munaasinzizanga mu maaso g'ekyoto kino?
- 8 Kale nno kaakano, nkwegayiridde, muwe emisingo mukama wange kabaka w'e Bwasuli nange naakuwa embalaasi enkumi bbiri, ggwe ku bubwo bw'onooyinza okuzeebagazaako abantu.
- 9 Kale oyinza otya okukyusa amaaso g'omwami omu ku abo abasinga obuto ku baddu ba mukama wange, ne weesiga Misiri olw'amagaali n'olw'abeebagala embalaasi?
- 10 Era kaakano nnyambuse okutabaala ensi eno okugizikiriza awatali Mukama? Mukama yaamba nti Yambuka otabaale ensi eno ogizikirize.
- 11 Awo Eriyakimu ne Sebuna ne Yowa ne bagamba Labusake nti Nkwegayiridde, yogera n'abaddu bo mu lulimi Olusuuli; kubanga tulumanyi: so toyogera naffe mu lulimi olw'Abayudaaya mu matu g'abantu abali ku bbugwe.
- 12 Naye Labusake n'ayogera nti Mukama wange antumye eri mukama wo n'eri ggwe okwogera ebigambo bino? tantumye eri abantu abatuula ku bbugwe, okulya amazi gaabwe bo, n'okunywa enkali yaabwe bo awamu nammwe?

- 13 Awo Labusake n'ayimirira n'ayogerera waggulu n'eddoboozi eddene mu lulimi olw'Abayudaaya n'ayogera nti Muwulire ebigambo bya kabaka omukulu, kabaka w'e Bwasuli.
- 14 Bw'atyo bw'ayogera kabaka nti Keezeekiya tabalimbanga; kubanga taliyinza kubawonya:
- 15 so Keezeekiya tabasigulanga eri Mukama ng'ayogera nti Mukama talirema kutuwonya; ekibuga kino tekirigabulwa mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli.
- 16 Temuwuliranga Keezeekiya: kubanga bw'atyo bw'ayogera kabaka w'e Bwasuli nti Mutabagane nange, mufulume mujje gye ndi; mulyenga buli muntu ku muzabbibu gwe na buli muntu ku mutiini gwe, era munywenga buli muntu ku mazzi ag'omu kidiba kye ye:
- 17 okutuusa lwe ndijja ne mbatwalira ddala mu nsi efaanana ensi yammwe, ensi ey'eaano n'omwenge, ensi ey'emigaati n'ensuku z'emizabbibu.
- 18 Mwekuume Keezeekiya aleme okubasendasenda ng'ayogera nti Mukama alituwonya. Waliwo katonda yenna ow'amawanga eyali awonyezza ensi ye mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli?
- 19 Bali ludda wa bakatonda ab'e Kamasi n'e Alupadi? bali ludda wa bakatonda ab'e Sefavayimu? era baawonya Samaliya mu mukono gwange?
- 20 Baani ku bakatonda bonna ab'ensi ezo abaawonya ensi yaabwe mu mukono gwange, Mukama okuwonya Yerusaalemi mu mukono gwange?
- 21 Naye ne basirika ne batamwanukula kigambo: kubanga ekiragiyo kya kabaka kyali bwe kiti nti Temumwanukulanga.
- 22 Awo Eriyakimu mutabani wa Kirukiya eyali omukulu w'ennyumba ne Sebuna omuwandiisi ne Yowa mutabani wa Asafu omujjukiza ne bajja eri Keezeekiya nga bayuzizza engoye zaabwe, ne bamubuulira ebigambo bya Labusake.

Essuula 37

- 1 Awo olwatuuka kabaka Keezeekiya bwe yakiwulira n'ayuza engoye ze n'ayambala ebibukutu n'ayingira mu nnyumba ya Mukama.
- 2 N'atuma Eriyakimu eyali omukulu w'ennyumba ne Sebuna omuwandiisi n'abakadde ab'oku bakabona, nga bambadde ebibukutu, eri Isaaya nabbi mutabani wa Amози.
- 3 Ne bamugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Keezeekiya nti Olunaku luno lunaku lwa kulabiramu nnaku era lwa kunenyezebwamu era lwa kuvumirwamu: kubanga abaana batuuse okuzaalwa, so tewali maanyi ga kuzaala.
- 4 Mpozzi Mukama Katonda wo anaawulira ebigambo bya Labusake, kabaka w'e Bwasuli mukama we gw'atumye okuvuma Katonda omulamu, n'anenya ebigambo Mukama Katonda wo by'awulidde: kale yimusiza okusaba kwo ekitundu ekifissewo.
- 5 Awo abaddu ba kabaka Keezeekiya ne bajja eri Isaaya.
- 6 Isaaya n'abagamba nti Bwe mutyo bwe munaagamba mukama wammwe nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Totya bigambo by'owulidde, abaddu ba kabaka w'e Bwasuli bye banvumye.
- 7 Laba, ndimuteekako omuzimu, naye aliwulira olugambo n'addayo mu nsi ye; era ndimusuula n'ekitala mu nsi ye ye.
- 8 Awo Labusake n'addayo n'asanga kabaka w'e Bwasuli ng'alwana ne Libuna: kubanga yali awulidde nga yasitula e Lakisi.
- 9 N'awulira nga boogera ebya Tiraka kabaka w'e Kuusi, nti Atabadde okulwana naawe. Awo bwe yakiwulira n'atuma ababaka eri Keezeekiya ng'ayogera nti
- 10 Bwe mutyo bwe muligamba Keezeekiya kabaka wa Yuda nga mwogera nti Katonda wo gwe weesiga takulimbanga ng'ayogera nti Yerusaalemi tekirigabulwa mu mukono

gwa kabaka w'e Bwasuli.

- 11 Laba, owulidde bakabaka b'e Bwasuli bye baakolanga ensi zonna, nga bazizikiriza ddala: naawe oliwonyezebwa?
- 12 Bakatonda ab'amawanga baagawonya, bakitange ge baazikiriza, Gozani ne Kalani ne Lezefu n'abaana ba Edeni abaabanga mu Terasali?
- 13 Ali ludda wa kabaka w'e Kamasi ne kabaka w'e Alupadi ne kabaka w'ekibuga Sefavayimu ow'e Keena ne Yiva?
- 14 Keezeekiya n'atoola ebbaluwa mu mukono gw'ababaka n'agisoma: Keezeeluya n'ayambuka mu nnyumba ya Mukama n'agyanjululiza mu maaso ga Mukama.
- 15 Keezeekiya ne yeegayirira Mukama ng'ayogera nti
- 16 Ai Mukama ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, atuula ku bakerubi, ggwe Katonda, ggwe wekka, wa bwakabaka bwonna obw'omu nsi; ggwe wakola eggulu n'ensi.
- 17 Tega okutu kwo, ai Mukama, owulire; zibula amaaso go, ai Mukama, olabe: owulire ebigambo byonna ebya Sennakeribu, by'atumye okuvuma Katonda omulamu.
- 18 Mazima, Mukama, bakabaka b'e Bwasuli baazisa amawanga gonna n'ensi yaabwe,
- 19 ne basuula bakatonda baabwe mu muliro: kubanga tebaali bakatonda, naye mulimu gwa ngalo za bantu, miti na mayinja; kyebaava babazikiriza.
- 20 Kale nno kaakano, ai Mukama Katonda waffe, tulokole mu mukono gwe, obwakabaka bwonna obw'omu nsi butegeere nga ggwe Mukama, ggwe wekka.
- 21 Awo Isaaya mutabani wa Amози n'atumira Keezeekiya ng'ayogera nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Kubanga onneegayiridde ebya Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli,
- 22 kino kye kigambo Mukama ky'ayogedde ku ye: Omuwala wa Sayuuni atamanyi musajja akunyoomye era akugadizza; omuwala wa Yerusaalemi akunyeenyerezza omutwe.
- 23 Ani gw'ovumye gw'ovodde? era ani gw'oyimusirizzaako eddoboosi lyo n'olalama amaaso go waggulu? ku Mutukuvu wa Isiraeri.
- 24 Oyimye mu baddu bo okuvuma Mukama n'oyogera nti N'amagaali gange amangi nnyambuse ku ntikko y'olusozi, ntuuse mu njuyi ez'omunda eza Lebanoni; era nditemera ddala emivule gyako emiwanvu, n'enfugo zaako ezisinga obulungi: era ndituuka ku lusozi lwako olukomererayo, ekibira eky'ennimiro ye eimu.
- 25 Nsimye era nnywedde amazzi, era ndikaliza emigga gyonna egy'e Misiri n'ebigere byange:
- 26 Towuliranga bwe nnakikola edda ennyo ne nkibumba okuva ebiro eby'edda? kaakano nkituukirizza ggwe okubeera omuzikiriza w'ebibuga ebiriko enkomera obifuule ebi-funvu eby'ebyagwa:
- 27 Abaabitulungamu kyebaava babeera ab'amaanyi amatono, baatekemuka ne bakeentererwa; ne baba ng'essubi ery'omu nnimiro era ng'omuddo omubisi, ng'omuddo oguli waggulu ku nnyumba, era ng'omusiri gw'eaano nga tennakula.
- 28 Naye mmanyi bw'otuula era bw'ofuluma era bw'oyingira era bw'onnesalirako akajegere.
- 29 Kubanga onnesalirako akajegere era kubanga ettitimbuli lyo lirinye mu matu gange, kyendiva nteeka eddobo lyange mu nnyindo yo n'olukoba lwange mu mimwa gyo, era ndikuzzaayo mu kkubo lye wajjiramu.
- 30 Era kano ke kaliba akabonero gy'oli: mulirya mu mwaka guno ekyo ekimera kyokka, ne mu mwaka ogw'okubiri ekyo kye gumera; ne mu mwaka ogw'okusatu musiganga mukungulanga musibanga ensuku z'emizabbibu mulyanga ebibala byamu.
- 31 N'ekitundu ekifisseewo ekiwonye ku nnyumba ya Yuda balisimba emmizi wansi ne babala ebibala waggulu.
- 32 Kubanga mu Yerusaalemi muliva ekitundu ekifisseewo, ne ku lusozi Sayuuni abo

abaliwona: obuggya bwa Mukama ow'eggye bulituukiriza ekyo.

- 33 Mukama kyava ayogera ku kabaka w'e Bwasuli nti Talituuka ku kibuga kino, so talirasaayo kasaale, so talikyolekera n'engabo, so talikituumako kifunvu.
- 34 Mu kkubo mwe yajjira omwo mw'aliddirayo, so talituuka ku kibuga kino, bw'ayogera Mukama.
- 35 Kubanga ndirwanirira ekibuga kino okukirokola ku bwange nze era ne ku bw'omuddu wange Dawudi.
- 36 Awo malayika wa Mukama n'afuluma n'atta mu lusiisira olw'Abaasuli kasiriivu mu obukumi munaana mu enkumi ttaano: abantu bwe baagolokoka enkya mu makya, laba, bonna baali mirambo gya bafu.
- 37 Awo Sennakeribu kabaka w'e Bwasuli n'avaayo n'agenda n'addayo, n'abeera e Nineeve.
- 38 Awo olwatuuka bwe yali ng'asinziza mu kiggwa kya Nisuloki katonda we, Adulam-mereki ne Salezeri batabani be ne bamutta n'ekitala: ne baddukira mu nsi ya Alalati. Esaludooni mutabani we n'amuddira mu bigere.

Essuula 38

- 1 Mu biro ebyo Keezeekiya n'alwala kumpi n'okufa. Isaaya nabbi mutabani wa Amози n'ajja gy'ali n'amugamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Teekateeka ennyumba yo; kubanga ogenda kufa so togenda kulama.
- 2 Awo Keezeekiya n'akyusiza amaaso ge ku kisenge ne yeegayirira Mukama n'ayogera nti
- 3 Jjukira kaakano, ai Mukama, nkwegayiridde, bwe nnatambuliranga mu maaso go n'amazima n'omutima ogwatuukirira, ne nkola ebiri mu maaso go ebirungi. Keezeekiya n'akaaba nnyo amaziga.
- 4 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Isaaya nti
- 5 Genda ogambe Keezeekiya nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Katonda wa Dawudi kitaawo, nti Mpulidde okusaba kwo, ndabye amaziga go: laba, ndyongerera ku nnaku zo emyaka kkumi n'etaano.
- 6 Era ndikuwonya ggwe n'ekibuga kino mu mukono gwa kabaka w'e Bwasuli: era ndirwanirira ekibuga kino.
- 7 Era kano ke kanaaba akabonero gy'oli okuva eri Mukama nga Mukama alikola ekigambo kino ky'ayogedde:
- 8 laba, nazzaayo ennyuma ekisiikirize ekiri ku madaala, ekikkidde ku madaala ga Akazi awamu, n'enjuba, ebbanga ery'amadaala ekkumi. Awo enjuba n'eddayo ebbanga ery'amadaala ekkumi ku madaala ge yali ekkiddeko.
- 9 Okuwandiika kwa Keezeekiya kabaka wa Yuda, bwe yamala okulwala era ng'awonye endwadde ye.
- 10 N'ayogera nti Mu ttuntu ly'ennaku zange mwe ndigendera mu miryango gy'emagombe: Nzigiddwako emyaka gyange egisigaddeyo.
- 11 N'ayogera nti Siriraba Mukama, Mukama mu nsi y'abalumu: Siriraba bantu nate wamu n'abatuula mu nsi.
- 12 Ebiro byange bivuddewo, era binzigiddwako ng'eweema ey'omusumba: Nzinze obulamu bwange ng'omulusi w'engoye; alinsala ku muti ogulukirwako: Okuva enkya okutuusa ekiro olimalirawo ddala.
- 13 Neesirisa okutuusa enkya; ng'empologoma, bw'amenya bw'atyo amagumba gange gona: Okuva enkya okutuusa ekiro olimalirawo ddala.
- 14 Ng'akataayi oba sekanyolya, bwe nnavulungutana bwe ntyo; Nawuubaala nga kaa-mukuukulu: amaaso gange gafuuyirira olw'okulalama; Ai Mukama, njoogebwa; ggwe

beera muyima wange.

- 15 Naayogera ntya? yayogedde nange era ye yennyini ye akikoze: Naatambulanga mpola emyaka gyange gyonna olw'okubalagalwa kw'obulamu bwange.
- 16 Ai Mukama, olw'ebyo abantu baba balamu, Era mu ebyo mwokka mwe muli obulamu bw'omwoyo gwange: Kale mponya onname.
- 17 Laba, olw'emirembe gyange kyennava mbalagalwa ennyo: Naye ggwe olw'okwagala obulamu bwange obuwonyezza mu bunny obuvundirwamu; Kubanga osudde ebibi byange byonna ennyuma w'amabega go.
- 18 Kubanga amagombe tegayinza kukutendereza, okufa tekuyinza kukusuuta: Abo abakka mu bunny tebayinza kusuubira mazima go.
- 19 Omulamu, omulamu ye alikutendereza nga nze bwe nkola leero Kitaabwe alitegeeza abaana amazima go.
- 20 Mukama yeeteeseese okundokola: Kyetunaavanga tuyimbira ennyimba zange mu nnanga Ennaku zonna ez'obulamu bwaffe mu nnyumba ya Mukama.
- 21 Era Isaaya yali ayogedde nti Baddire ekitole ky'ettiini bakisiige ku jjute, era aliwona.
- 22 Ne Keezeekiya yali ayogedde nti Kaluwa akabonero nga ndyambuka mu nnyumba ya Mukama?

Essuula 39

- 1 Mu biro ebyo Merodakubaladani mutabani wa Baladani, kabaka w'e Babulooni, n'aweereza Keezeekiya ebbaluwa n'ekirabo: kubanga yawulira nga yali alwadde era ng'awonye.
- 2 Keezeekiya n'abasanyukira, n'abalaga ennyumba ey'ebintu bye eby'omuwendo omungi, effeeza ne zaabu n'eby'akaloosa n'amafuta ag'omuwendo omungi, n'ennyumba yonna ey'eby'okulwanyisa bye, ne byonna ebyalabika mu bugagga bwe: tewaali kintu mu nnyumba ye newakubadde mu matwale ge gonna Keezeekiya ky'ataabalaga.
- 3 Awo Isaaya nabbi n'ajja eri kabaka Keezeekiya n'amugamba nti Abasajja bano boogedde ki? era baava wa okujja gy'oli? Keezeekiya n'ayogera nti Bava mu nsi ya wala okujja gye ndi, baava e Babulooni.
- 4 Awo n'ayogera nti Balabye ki mu nnyumba yo? Keezeekiya n'addamu nti Byonna ebiri mu nnyumba yange babirabye: tewali kintu mu bugagga bwange kye ssibalaze.
- 5 Awo Isaaya n'agamba Keezeekiya nti Wulira ekigambo kya Mukama ow'eggye,
- 6 Laba, ennaku zijja byonna ebiri mu nnyumba yo n'ebyo bakitaawo bye baaterekanga okutuusa leero lwe biritwalibwa e Babulooni: tewaliba kintu ekirisigalawo, bw'ayogera Mukama.
- 7 Ne ku batabani bo abaliva mu ggwe b'olizaala balibatwalako; era baliba balaawe mu lubiri lwa kabaka w'e Babulooni.
- 8 Awo Keezeekiya n'agamba Isaaya nti Ekigambo kya Mukama ky'oyogedde kirungi. Era n'ayogera nti Kavuna wanaabanga emirembe n'amazima mu mirembe gyange.

Essuula 40

- 1 Musanyuse, musanyuse abantu bange, bw'ayogera Katonda wammwe.
- 2 Mwogere eby'okusanyusa Yerusalemi, mumukoowoole nti entalo ze zimalirizibwa, ng'obutali butuukirivu bwe busonyiyiddwa; ng'aweereddwa mu mukono gwa Mukama emirundi ebiri olw'ebibi bye byonna.
- 3 Eddoboozi lyayogerera waggulu nti Mulongoose mu lukoola ekkubo lya Mukama, mugololere mu ddungu Katonda waffe oluguudo.

- 4 Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi zirikkakkanyizibwa: n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali bisende biriterezebwa
- 5 n'ekitiibwa kya Mukama kiribikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde.
- 6 Eddoboozi lyayogera nti Yogerera waggulu. Ne wabaawo eyayogera nti Naayogerera ki waggulu? Omubiri gwonna muddo, n'obulungi bwagwo bwonna bulianga ekimuli eky'omu nnimiro:
- 7 omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera; kubanga omukka gwa Mukama gugufuwako: mazima abantu muddo:
- 8 Omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera: naye ekigambo kya Katonda waffe kinaanyweranga ennaku zonna.
- 9 Ggwe abuulira Sayuuni ebigambo ebirungi, weerinnyire ku lusozi oluwanvu; ggwe abuulira Yersaalemi ebigambo ebirungi, yimusa eddoboozi lyo n'amaanyi; liyimuse, totya; gamba ebibuga bya Yuda nti Laba, Katonda wammwe!
- 10 Laba, Mukama Katonda alijja ng'ow'amaanyi, n'omukono gwe gulimufugira: laba empeera ye eri naye, n'okusasula kwe kuli mu maaso ge.
- 11 Aliriisa ekisibo kye ng'omusumba, alikuaanya abaana b'endiga mu mukono gwe, n'abasitula mu kifuba kye, aliyitiriza mpola ezo eziyonsa.
- 12 Ani eyali ageze amazzi mu kibatu kye, n'apima eggulu n'oluta, n'agatta enfuufu ey'oku nsi mu kigera, n'apima ensozi mu minzaani n'obusozi mu kipima?
- 13 Ani eyali aluamizza omwoyo gwa Mukama, oba eyamuweerera ebigambo n'amuyigiriza?
- 14 Ani gwe yali ateesezza naye ebigambo, era ani eyali amuyigirizza, n'amutegeeza mu kkubo ery'omusango, n'amunyonnyola okumanya, n'amulaga ekkubo ery'okutegeera?
- 15 Laba, amawanga gali ng'ettondo eriri mu nsuwa, era babalibwa ng'effufugge eriri mu minzaani: laba, asitula ebizinga ng'ekintu ekitono ennyo.
- 16 Ne Lebanooni tamala kuba nku, so n'ensolo zaako tezimala kuba ekiweebwayo ekyokebwa.
- 17 Amawanga gonna gali nga si kintu mu maaso ge; gabalibwa gy'ali nga si kintu ddala era nga kirerya.
- 18 Kale ani gwe mulifaananya Katonda: oba kifaananyi ki kye mulimugererako?
- 19 Ekifaananyi ekyole omukozi akifumba, n'omuweesi wa zaabu akibikkako zaabu, n'akifumbira emikuufu egya ffeeza.
- 20 Ayinze obwavu n'okuyinza n'atayinza kirabo ekyenkana awo yeeroboza omuti ogutalivunda; yeenoonyeza omukozi omugezigezi okusimba ekifaananyi ekyole, ekitalijjulukuka.
- 21 Temunnamanya? temunnawulira? temubuulirwanga okuva ku lubereberye, temutegeeranga okuva ku kutondebwa kw'ensi?
- 22 Ye wuuyo atuula ku nsi enneekulungirivu, n'abagituulamu bali ng'amayanzi; atimba eggulu ng'eggigi, era alibamba ng'eweema ey'okutuulamu:
- 23 afuula abalangira obutaba kintu; afuula abalamuzi b'ensi okuba ebirerya.
- 24 Weewaawo, tebasimbibwanga weewaawo, tebasigibwanga; weewaawo, ekikolo kyabwe tekisimbanga mmizi mu ttaka; era abafuuwako ne bawotoka, n'embuyaga ez'akazimu ne zibatwalira ddala ng'ebisusunku.
- 25 Kale ani gwe mulinfaananya nze okumwenkana? bw'ayogera Omutukuvu.
- 26 Muyimuse amaaso gammwe waggulu mulabe eyatonda ebyo bw'ali, afulumya eggye lyabyo ng'omuwendo gwabwe bwe guli: byonna abituuma amannya; olw'obukulu bw'obuyinza bwe, era kubanga wa maanyi mu kuyinza, tewali na kimu ekibulako.
- 27 Ekikwogeza ki, ggwe Yakobo, n'ogamba, ggwe Isiraeri, nti Ekkubo lyange

- likwekeddwa Mukama, n'omusango gwange guyise ku Katonda wange?
- 28** Tonnamanya? tonnawulira? Katonda ataliggwaawo, Mukama, Omutonzi w'enkomerero z'ensi, tazirika so takoowa; amagezi ge teganoonyezeka.
- 29** Awa amaanyi abazirika; n'oyo atalina buyinza amwongerako amaanyi.
- 30** Abavubuka nabo balizirika balikoowa, n'abalenzi baligwira ddala:
- 31** naye abo abalindirira Mukama baliddamu obuggya amaanyi gaabwe; balitumbiira n'ebiwaawaatiro ng'empungu; balidduka mbiro ne batakooa; balitambula ne batazirika.

Essuula 41

- 1** Musirike mu maaso gange, mmwe ebizinga, amawanga gaddemu obuggya amaanyi gaabwe: basembere; balyoke boogere: tusembere wamu eri omusango.
- 2** Ani ayimusizza omuntu ava ebuvanjuba, gw'ayita mu butuukirivu okujja ku kigere kye? agaba amawanga mu maaso ge, era amufuza bakabaka; abawa ekitala kye ng'enfuufu, ng'ebisasiro ebikuunsibwa eri omutege gwe.
- 3** Abagoba n'ayitawo mirembe; ayita mu kkubo ly'atayitangamu n'ebigere bye.
- 4** Ani eyakireeta eyakikola, ng'ayita emirembe okuva ku lubereberye? Nze Mukama ow'olubereberye era ow'enkomerero, nze wuuyo.
- 5** Ebizinga byalaba ne bitya; enkomerero z'ensi zaakankana: baasembera ne bajja.
- 6** Baayamba buli muntu muliraanwa we; buli muntu n'agamba muganda we nti Guma omwoyo.
- 7** Awo omubazzi n'agumya omwoyo omuweesi wa zaabu, n'oyo asennyenta n'ennyondo n'agumya oyo akuba ku luyijja, ng'ayogera ku kyuma ekigatta nti Kirungi: n'akikomera n'eninga kireme okusagaasagana.
- 8** Naye ggwe, Isiraeri, omuddu wange, Yakobo gwe nnalonda, ezzadde lya Ibulayimu mukwano gwange;
- 9** gwe nnakwatako okuva ku nkomerero z'ensi ne nkuyita okukuggya mu nsonda zaayo, ne nkugamba nti Ggwe muddu wange, nakulonda so sikusuulanga;
- 10** totya, kubanga nze ndi wamu naawe; tokeentererwa, kubanga nze Katonda wo: naakuwanga amaanyi; weewaawo, naakuyambanga; weewaawo, naakuwaniriranga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange.
- 11** Laba, abo bonna abakusunguwalidde balikwatibwa ensonyi baliswazibwa: abo abawakana naawe baliba nga si kintu, era balibula.
- 12** Olibanoonya so tolibalaba abo abakuziyiza: abo abalwana naawe baliba nga si kintu era ng'ekirerya.
- 13** Kubanga nze Mukama Katonda wo naakwatanga ku mukono gwo ogwa ddyo nga nkugamba nti Totya; nze naakuyambanga.
- 14** Totya, ggwe olusiriani Yakobo, nammwe abasajja ba Isiraeri; nze naakuyambanga, bw'ayogera Mukama, era Omutukuvu wa Isiraeri ye mununuzi wo.
- 15** Laba, ndikufuula ekintu ekiwuula ekiggya eky'obwogi ekirina amannyo: ggwe oliwu-ula ensozi, n'oziseera ddala, n'ofuula obusozi okuba ng'ebisusunku.
- 16** Oliziwujja, empewo n'ezifumuula, embuyaga ez'akazimu ne zizisaasaanya: naawe olisanyukira Mukama, olyenyumiririza Omutukuvu wa Isiraeri.
- 17** Abaavu n'abatalina kintu banoonya amazzi so nga tewali, olulimi lwabwe ne lulakasira; nze Mukama ndibaddamu, nze Katonda wa Isiraeri siribaleka.
- 18** Ndizibikula emigga ku nsozi ez'obweru n'ensulo wakati mu biwonvu: ndifuula olukoola ekidiba ky'amazzi, n'ettaka ekkalu okuba enzizi z'amazzi.
- 19** Ndisimba mu lukoola omuvule n'omusita n'omumwanyani n'omuzeyituuni; nditeeka mu ddungu enfugo n'omuyovu ne namukago wamu:

- 20 balabe, bamanye, balowooze, bategeere wamu ng'omukono gwa Mukama gwe gukoze kino, era nga Omutukuvu wa Isiraeri ye akitonze.
- 21 Muleete ensonga yammwe, bw'ayogera Mukama; mwolese ensonga zammwe ez'amaanyi, bw'ayogera Kabaka wa Yakobo.
- 22 Bazireete, batubuulire ebigenda okubaawo: mubuulire ebyasooka okubaawo bwe biri, tubirowooze tutegeere enkomerero yaabyo ey'oluvannyuma; oba mutulage ebigenda okujja.
- 23 Mubuulire ebigambo ebijja okubaawo oluvannyuma, tulyoke tutegeere nga muli bakatonda: weewaawo, mukole obulungi oba mukole obubi tukeentererwe tukirabire wamu.
- 24 Laba, temuliiko gye muva, so n'omulimu gwammwe teguliiko gye guva: oyo abalonda wa muzizo.
- 25 Nnyimusizza omuntu ava obukiika obwa kkono, era atuuse; okuva ebuwanjuba omuntu ayita erinnya lyange: era alijja ku bafuga nga ku ttaka, era ng'omubumbi bw'asamba ebbumba.
- 26 Ani eyakibuulira okuva ku lubereberye tulyoke tumanye? era mu biro eby'edda tulyoke twogere nti Mutuukirivu? weewaawo, tewali abuulira, weewaawo, tewali alaga, weewaawo, tewali awulira ebigambo byammwe.
- 27 Ndisooka okugamba Sayuuni nti Balabe, balabe; era ndiwa Yerusaalemi omuntu aleeta ebigambo ebirungi.
- 28 Era bwe ntunula, tewali muntu; mu bo bennyini temuli ateesa ebigambo, ayinza okwanukula ekigambo bwe mbabuza.
- 29 Laba, bo bonna emirimu gyabwe birerya so si kintu: ebifaananyi byabwe ebyole mpewo na kwetabula.

Essuula 42

- 1 Laba omuweereza wange gwe mpanirira; omulonde wange obulamu bwange gwe busanyukira: ntadde omwoyo gwange ku ye; alyolesa omusango eri ab'amawanga.
- 2 Talireekaana so taliyimusa so taliwuliza ddooboozi lye mu luguudo.
- 3 Olumuli olubetentefu talirumenya so n'enfuuzi ezinyooka talizizikiza: alyolesa omusango mu mazima.
- 4 Talizirika so talikeentererwa okutuusa lw'alisimba omusango mu nsi; n'ebizinga biririndirira amateeka ge.
- 5 Bw'atyo bw'ayogera Katonda, Mukama eyatonda eggulu n'alibamba; eyayanjuluza ensi n'ebyo ebigivaamu; awa omukka abantu abagiriko n'omwoyo abo abagitambulako:
- 6 nze Mukama nakuyita mu butuukirivu, era naakwatanga ku mukono gwo era naakuku-umanga, ne nkuwa okubanga endagaano y'abantu, okubanga omusana eri ab'amawanga;
- 7 okuzibula amaaso g'abazibe b'amaaso, okuggya abasibe mu bunny, n'abo abatuula mu kizikiza mu nnyumba ey'ekkomera.
- 8 Nze Mukama; eryo lye linnya lyange: n'ekitiibwa kyange sirikiwa mulala, newakubadde ettendo lyange eri ebifaananyi ebyole.
- 9 Laba, ebyasooka okubaawo bituuse, n'ebiggya mbibuulira: nga tebinnaba kulabika mbibabuulira.
- 10 Mumuyimbire Mukama oluyimba oluggya, n'ettendo lye okuva ku nkomerero y'ensi; mmwe abaserengetera ku nyanja ne byonna ebigirimo, ebizinga n'ababituulako.
- 11 Eddungu n'ebibuga byamu biyimuse eddoooboozi lyabyo, ebyalo Kedali mw'atuula; abatuula mu Seera bayimbe, boogerere waggulu nga bayima ku ntikko z'ensozi.

- 12 Bamuwe Mukama ekitiibwa, era babuulire ettendo lye mu bizinga.
- 13 Mukama alifuluma ng'ow'amaanyi; alibakwasa obuggya ng'omutabaazi: alireekaana, weewaawo, alyogerera waggulu; alikola abalabe be eby'amaanyi.
- 14 Naludde okusirika; nabeerera awo ne nzibiikiriza: kaakano naayogerera waggulu ng'omukazi alumwa okuzaala; naalaakiira ne mpejjerawejjera wamu.
- 15 Ndizikiriza ensozi n'obusozi, ne mpotosa emiddo gyako gyonna; era ndifuula emigga ebizinga ne nkaliza ebidiba.
- 16 Era ndireeta abazibe b'amaaso mu kkubo lye batamanyi; mu mpitiro ze batamanyi mwe ndibayisa: ndifuula ekizikiza okuba omusana mu maaso gaabwe, n'ebifo ebikyamu ndibigolola. Ebyo ndibikola so siribaleka.
- 17 Balikyusibwa okudda ennyuma, balikwasibwa ensonyi nnyingi, abeesiga ebifaananyi ebyole, abagamba ebifaananyi ebisaanuuse nti Mmwe muli bakatonda baffe.
- 18 Muwulire, mmwe abaggavu b'amatu; mutunule, mmwe abazibe b'amaaso, mulyoke mulabe.
- 19 Ani omuzibe w'amaaso wabula omuweereza wange? oba muggavu wa matu wabula omubaka wange gwe ntuma? ani omuzibe w'amaaso ng'oyo eyatabagana nange era omuzibe w'amaaso ng'omuweereza wa Mukama?
- 20 Olaba bingi naye teweetegeresa; amatu ge gagguse naye tawulira.
- 21 Mukama yasiima, olw'obutuukirivu bwe, okukuza amateeka n'okugassaamu ekitiibwa.
- 22 Naye bano be bantu abaanyagibwa ne batemulwa bo bonna bateegebwa mu bunnya, era bakwekeddwa mu nnyumba ez'amakomera: ba kunyagibwa so tewali awonya; ba kukambuulibwa so tewali ayogera nti Zzaayo.
- 23 Ani ku mmwe anaategera ekyo okutu? anaategereza n'awulira olw'ebiro ebigenda okujja?
- 24 Ani eyawaayo Yakobo okukambuulibwa ne Isiraeri eri abanyazi? si Mukama? oyo gwe twayonoona, so tebaaganya kutambulira mu makubo ge, so tebaagondera mateeka ge.
- 25 Kyeyava amufukako ekiruyi eky'obusungu bwe n'amaanyi ag'entalo; ne kimwokya enjuyi zonna era teyamanya; era kyamusonsomola, era teyakissaako mwoyo.

Essuula 43

- 1 Naye kaakano bw'atyo bw'ayogera Mukama eyakutonda, ggwe Yakobo, era eyakubumba, ggwe Isiraeri, nti Totya, kubanga nakununula; nakuyita erinnya lyo, oli wange.
- 2 Bw'onooyitanga mu mazzi, naabeeranga naawe; ne mu migga, tegirikusaanyaawo: bw'onootambulanga okuyita mu muliro, toosiriirenga; so n'omuliro tegulyakira ku ggwe.
- 3 Kubanga nze ndi Mukama Katonda wo, Omutukuvu wa Isiraeri, omulokozi wo; nawaayo Misiri okuba ekinunulo kyo, Kuusi ne Seba ku lulwo.
- 4 Kubanga wali wa muwendo mungi mu maaso gange, era wa kitiibwa, nange nakwagala; kyendiva mpaayo abasajja ku lulwo n'amawanga ku lw'obulamu bwo.
- 5 Totya; kubanga nze ndi wamu naawe: ndireeta ezzadde lyo okuliggya ebuwanjuba ne nkukuaanya okuva ebugwanjuba;
- 6 ndigamba obukiika obwa kkono nti Waayo; n'obukiika obwa ddyo nti Togaana nabo; leeta batabani bange okubaggya ewala ne bawala bange okuva ku nkomerero y'ensi;
- 7 buli muntu eyatumibwa erinnya lyanze era gwe nnatondera ekitiibwa kyange; nze namubumba; weewaawo, namukola.
- 8 Fulumya abazibe b'amaaso abalina amaaso n'abaggavu b'amatu abalina amatu.

- 9 Amawanga gonna gakuanyizibwe wamu n'abantu beetabe: ani ku bo ayinza okubuulira ekyo n'atulaga ebyasooka okubaawo? baleete abajulirwa baabwe baweebwe obutuukirivu: oba bawulire boogere nti Bya mazima.
- 10 Mmwe muli bajulirwa bange, bw'ayogera Mukama n'omuweereza wange gwe nnalonda mulyoke mumanye munzikirize mutegeere nga nze nzuuyo; tewali Katonda eyabumbibwa okusooka nze, so tewaliba alinziririra.
- 11 Nze, nze mwene, nze Mukama so tewali mulokozi wabula nze.
- 12 Nze nabuulira era nalokola era nalaga, so tewabanga mu mmwe katonda mulala: kye mubeeredde abajulirwa bange, bw'ayogera Mukama, nange ndi Katonda.
- 13 Weewaawo, omusana kasookedde gubaawo era nze nzuuyo; so tewali ayinza okuwonya mu mukono gwange: ndikola omulimu, era ani ali guziyiza?
- 14 Bw'atyo bw'ayogera Mukama omununuzi wammwe, Omutukuvu wa Isiraeri, nti Ku lwammwe natuma e Babulooni, era ndibaserengesa bonma ng'abadduse, be Bakaludaaya, mu byombo eby'okusanyuka kwabwe.
- 15 Nze ndi Mukama Omutukuvu wammwe, Omutonzi wa Isiraeri, Kabaka wammwe.
- 16 Bw'atyo bw'ayogera Mukama akuba oluguudo mu nnyanja n'ekkubo mu mazzi ag'amaanyi.
- 17 afulumya eggaali n'embalaasi eggwe n'obuyinza; bagalamira wamu, tebaligolokoka; bazikiridde, bazikidde ng'enfuuzi: nti
- 18 Temujjukira ebyasooka okubaawo, so temulowooza bigambo bya dda.
- 19 Laba, ndikola ekigambo ekiggya kaakano kirirabika; temulikimanya ndikuba oluguudo ne mu lukoola, ne ndeeta emigga mu ddungu.
- 20 Ensolo ez'omu nsiko zirinziisaamu ekitiibwa, ebibe ne bamaaya kubanga ngaba amazzi mu lukoola n'emigga mu ddungu, okunywesa abantu bange, abalonde bange:
- 21 abantu be nneebumbira nzekka boolesenga ettendo lyange.
- 22 Naye tonkaabiranga, ggwe Yakobo; naye wantamwa, ggwe Isiraeri.
- 23 Tondeeteranga nsolo ntono ey'ebiby ebiweebwayo ebyokebwa; so tonzisaamu kitiibwa na ssaddaaka zo. Sikuweeresanga n'ebawebyo so sikukooyesanga na mugavu.
- 24 Tonguliranga mmuli mpoomerevu na ffeeza, so tonzikusanga na masavu ga ssaddaaka zo naye ggwe wampeerezesa n'ebibi byo, wankooyesa n'obutali butuukirivu bwo.
- 25 Nze, nze mwene, nze nzuuyo sangula ebyonoono byo ku lwange nze; so sirijjukira bibi byo.
- 26 Njijukiza; tuwoze fembi: leeta ensonga yo olyoke oweebwe obutuukirivu.
- 27 Kitaawo eyasooka yayonoona n'abategeeza bo bansobya.
- 28 Kyendiva nvumisa abakulu ab'omu watukuvu, era ndifuula Yakobo ekikolimo ne Isiraeri ekivume.

Essuula 44

- 1 Naye kaakano wulira, ggwe Yakobo omuweereza wange: ne Isiraeri gwe nnalonda:
- 2 bw'atyo bw'ayogera Mukama ayakukola naakubumba okuva mu lubuto, naakuyambanga, nti Totya, ggwe Yakobo omuweereza wange; naawe Yesuluni gwe nnalonda.
- 3 Kubanga ndifuka amazzi ku oyo alumiddwa ennyonta n'emigga ku ttaka ekkalu: ndifuka omwoyo gwange ku zzadde lyo n'omukisa gwange ku nda yo:
- 4 era baliroka mu muddo ng'enzingu ku mabbali g'emigga.
- 5 Walibaawo aligamba nti Nze wa Mukama; n'omulala alyetuuma eriinya lya Yakobo; n'omulala aliwandiika n'omukono gwe nga wa Mukama, ne yeetuuma erinnya lya Isiraeri.
- 6 Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Kabaka wa Isiraeri, era omununuzi we Mukama

ow'eggye nti Nze ndi wa lubereberye era nze ndi wa komerero; so tewali Katonda wabula nze.

- 7 Era ani, nga nze, aliyita n'akibuulira n'akinteerateera, kasookedde nzizaawo eggwanga ery'edda? n'ebyo ebijja okujja n'ebyo ebiribaawo babibuulire.
- 8 Temutya so temutekemuka: obw'edda saakubuulira ne nkiraga? nammwe muli bajulirwa bange. Waliwo Katonda wabula nze? weewaawo, tewali Lwazi; nze siriiko lwe nmanyi.
- 9 Abo abakola ekifaananyi ekyole bonna birerya; n'ebintu byabwe eby'okwesiima tebiriiko kye birigasa: n'abajulirwa baabwe bo tebalaba so tebamanyi; balyoke bakwatibwe ensonyi.
- 10 Ani eyakola katonda oba eyasaanuusa ekifaananyi ekyole ekitaliiko kye kigasa?
- 11 Laba, banne bonna balikwatibwa ensonyi; n'abakozi ba mu bantu: bonna bakuaanyizibwe wamu, bayimirire; balitya balikwatirwa wamu ensonyi.
- 12 Omuweesi ng'aweesa embazzi n'ayisa mu manda n'agisennyenta n'ennyondo n'agisaaza n'omukono gwe ogw'amaanyi: weewaawo, ng'alumwa enjala amaanyi ge ne gaggwaawo; nga tanywa ku mazzi n'ayongobera.
- 13 Omubazzi ng'aleega omugwa; ng'akiramba n'ekkalaamu; ng'akisaanya n'eranda n'akiramba kyonna n'ekyuma ekigera, n'akifaananyi ekifaananyi ky'omuntu, ng'obulungi bw'omuntu bwe buli, okutuulanga mu nnyumba.
- 14 Nga yeetemera emivule n'atwala enzo n'omuyovu, era yeenywerezaako ogumu ku miti egy'omu kibira: ng'asimba enkanaga enkuba n'egimeza.
- 15 Awo eriba ya nku eri omuntu; n'agitwalako n'ayota; weewaawo, ng'agikoleeza n'ayokya omugaati: weewaawo, ng'akola katonda n'akisinza; ng'akola ekifaananyi ekyole n'akivuunamira.
- 16 Ekitundu kyakyo ng'akyokya mu muliro; ku kitundu kyakyo kw'aggya okulya ennyama; ng'ayokya njokye n'akkuta: weewaawo, ng'ayota n'ayogera nti Owa, mbugumye, ndabye omuliro:
- 17 n'ekitundu kyakyo ekifisseeke ng'akifuula katonda, ekifaananyi kye ekyole: ng'akivuunamira n'asinza n'akyegayirira n'ayogera nti Mponya; kubanga ggwe katonda wange.
- 18 Tebamanyi so tebalowooza: kubanga azibye amaaso gaabwe n'okuyinza ne batayinza kulaba; n'emitima gyabwe n'okuyinza ne batayinza kutegeera.
- 19 So tewali ajjukira, so tewali kumanya newakubadde okutegeera n'okwogera n'ayogera nti Ekitundu kyakyo nkyokezza mu muliro, weewaawo, era nsiise omugaati ku manda gaakyo; njokezza ennyama ne ngirya: ate ekitundu kyakyo ekifisseeke n'akifuula eky'omuzizo? n'avuunamira ekisiki ky'omuti?
- 20 Alya evvu: omutima ogwalimbibwa gumukyamizza n'okuyinza n'atayinza kuwonya bulamu bwe newakubadde okwogera nti Eky'obulimba tekiri mu mukono gwange ogwa ddyo?
- 21 Ebyo bijjukire, ggwe Yakobo; naawe Isiraeri, kubanga ggwe muweereza wange: nze nakubumba; ggwe muweereza wange: ggwe Isiraeri, sirikwerabira.
- 22 Nsangudde ebyonoono byo ng'ekire ekiziyivu, n'ebibi byo ng'ekire: komawo gye ndi; kubanga nakunnnula.
- 23 Yimba, ggwe eggulu, kubanga Mukama ye akikoze; mwogerere waggulu, mmwe enjuyi eza wansi ez'ensi; mubaguke okuyimba, mmwe ensozi, ggwe ekibira na buli muti ogulimu: kubanga Mukama yanunula Yakobo era alyegulumiriza mu Isiraeri.
- 24 Bw'atyo bw'ayogera Mukama, omununuzi wo, era eyakubumba okuva mu lubuto, nti Nze Mukama akola byonna; abamba eggulu nzekka; ayanjuluza ensi; ani ali awamu nange?
- 25 atta obubonero obw'abalimba era alalusa abalogo; akyyusa abagezigezi okudda

ennyuma ne nsiruwaza amagezi gaabwe:

- 26 anyweza ekigambo eky'omuweereza we ne ntuukiriza okuteesa kw'ababaka be; ayogera ku Yerusalemi nti Kirituulwamu; ne ku bibuga bya Yuda nti Birizimbibwa, nange ndigolokosa ebifo byamu ebyazika:
- 27 agamba obuziba nti Kalira, nange ndikaliza emigga:
- 28 ayogera ku Kuulo nti Musumba wange era alituukiriza bye njagala byonna: n'okwogera ne njogera ku Yerusalemi nti Kirizimbibwa; era agamba yeekaalu nti Omusingi gwo guliteekebwawo.

Essuula 45

- 1 Bw'atyo Mukama bw'agamba oyo gwe yafukako amafuta, Kuulo, gwe nkutte ku mukono gwe ogwa ddyo, okujeemula amawanga mu maaso ge, era ndisumulula ebwato bya bakabaka; okuggulawo enzigi mu maaso ge ne ziwankaaki teziriggawawo;
- 2 ndikukulemba ne atereeza ebifo ebitali bisende: ndimenyaamenya enzigi ez'ebikomo ne ntemaatema ebisiba eby'ebyuma:
- 3 era ndikuwa obugagga obw'omu kizikiza n'ebintu ebyakwekebwa ebiri mu bifo eby'ekyama, olyoke omanyanga nga ndi Mukama akuyita erinnya lya, Katonda wa Isiraeri
- 4 Ku lwa Yakobo omuweereza wange kyenvudde nkuyita erinnya lya: nkutuume erinnya newakubadde nga tommanyanga.
- 5 Nze Mukama so tewali mulala; tewali Katonda wabula nze: ndikusiba olukoba, newakubadde nga tommanyanga:
- 6 balyoke bamanyanga okuva ebuwanjuba n'okuva ebugwanjuba nga tewali wabula nze: nze Mukama so tewali mulala.
- 7 Nze mmumba omusana era ntonda ekizikiza; ndeeta emirembe era ntonda obubi; nze Mukama akola ebyo byonna.
- 8 Ggwe eggulu, tonnyesa okuva waggulu, n'ebanga littulukuse obutuukirivu: ensi eyasame, baggyemu obulokozi, emeze obutuukirivu wamu; nze Mukama nagitonda.
- 9 Zisanze oyo awakana n'Omukozi we! olugyo mu ngyo ez'ensi! Ebbumba lirigamba oyo alibumba nti Okola ki? oba omulimu gwo guligamba nti Talina ngalo?
- 10 Zimusanze oyo agamba kitaawe nti Ozaala ki? oba omukazi nti Olumwa kuzaala ki?
- 11 Bw'atyo bw'ayogera Mukama, Omutukuvu wa Isiraeri era Omukozi we, nti Mumbuze ebigambo ebigenda okujja; ebya batabani bange, n'ebyo'omulimu gw'engalo zange mundagire.
- 12 Nakola ensi ne ntondera abantu mu yo: nze, engalo zange, nabamba eggulu, n'eggye lyalyo lyonna nze naliragira.
- 13 Mmugolokosezza mu butuukirivu, era ndigolola amakubo ge gonna: alizimba ekibuga kyange, era aliteera ddala abange abaagobebwa, si lwa muwendo so si lwa mpeera, bw'ayogera Mukama ow'eggye.
- 14 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Omulimu gw'e Misiri n'obuguzi bw'e Kuusi n'Abasabeya, abasajja abawanvu, balikusenga ne baba babo; balikugoberera; nga bali mu masamba balisenga: era balikuvuunamira balikwegayirira nga boogera nti Mazima Katonda ali mu ggwe; so tewali mulala, tewali Katonda.
- 15 Mazima ggwe Katonda eyeekweka, ggwe Katonda wa Isiraeri, Omulokozi.
- 16 Balikwatibwa ensanyi, weewaawo, baliswala, bonna: baligendera wamu mu kuswala abakola ebifaananyi.
- 17 Naye Isiraeri alirokolebwa Mukama n'obulokozi obutaliggwawo: temuukwatibwenga nsanyi temuuswalenga emirembe n'emirembe.

- 18 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama eyatonda eggulu; ye Katonda; eyabumba ensi n'agikola; ye yaginyweza, yagitonda obutaba ddungu, yagibumba okutuulwamu; nti Nze Mukama; so tewali mulala.
- 19 Soogereranga mu kyama, mu kifo eky'omu nsi ey'ekizikiza; sigambanga zzadde lya Yakobo nti Munnoonyeze bwereere: nze Mukama njogera butuukirivu, mbuulira ebigambo bya nsonga.
- 20 Mwekuaanye mujje; musembere wamu, mmwe abawonye ku mawanga: tebalina magezi abasitula omuti ogw'ekifaananyi kyabwe ekyole ne beegayirira katonda atayinza kulokola.
- 21 Mubuulire mwolese; weewaawo, bateese wamu: ani eyalanga ekyo okuva mu biro eby'edda? ani eyakibuulira okuva edda? si nze Mukama? so tewali Katonda mulala wabula nze; Katonda omutuukirivu era omulokozi; tewali mulala wabula nze.
- 22 Mutunuulire nze, mulokoke, mmwe enkomerero zonna ez'ensi: kubanga nze Katonda so tewali mulala.
- 23 Neerayidde mwene, ekigambo kivudde mu kamwa kange mu butuukirivu so tekirikomawo, nga nze buli vviivi lirinfulaamirira, buli lulimi lulirayira nze.
- 24 Walibaawo aliamba nti mu Mukama mwokka mwe muli obutuukirivu n'amaanyi: eri oyo abantu gye balijja, n'abo bonna abaamusunguwalira balikwatibwa ensonyi.
- 25 Mu Mukama ezzadde lyonna erya Isiraeri mwe liriweerwa obutuukirivu era mwe liryenyumiririza.

Essuula 46

- 1 Beri avuunama, Nebo akutama; ebifaananyi biri ku nsolo ne ku bisolo: ebintu bye mwatambuzatambuzanga bifuuse omugugu, omutwalo eri ensolo ekooye.
- 2 Bakutama bavuunama wamu; tebayinza kuwonya mugugu, naye bo bennyini bagenze mu kusibibwa.
- 3 Mumpulire ggwe ennyumba ya Yakobo, n'ekitundu kyonna ekifisseewo ku nnyumba ya Isiraeri, be nnaweekanga nze okuva mu lubuto, be nnasitulanga okuva munda:
- 4 n'okutuusa ku bukadde nze nzuuyo: n'okutuusa ku nvi naabasitulanga: nze nakola era nze naaweekanga: weewaawo, naasitulanga era naawonyanga.
- 5 Ani gwe mulinfaananya era gwe mulinnenkanya era gwe mulingererako tufaanane?
- 6 Abaggya ezaabu nnyingi mu nsawo ne bapima effeeza mu minzaani, bagulirira omuweesi wa zaabu n'agifuula katonda; bavuunamira, weewaawo, basinza.
- 7 Bamukongojja ku kibegabega, bamusitula ne bamusimba mu kifo kye n'ayimirira; mu kifo kye talisegukawo: weewaawo, walibaawo alimukaabirira, naye tayinza kwanukula newakubadde okumuwonya mu nnaku ze.
- 8 Mujjukire ekyo, mwerage obusajja: mukijjukire nate, mmwe aboonoonyi.
- 9 Mujjukire ebigambo ebyasooka eby'edda: kubanga nze Katonda so tewali mulala; nze Katonda so tewali anfaanana;
- 10 alanga enkomerero okuva ku lubereberye, n'ebigambo ebitannakolebwa okuva ku biro eby'edda; ayogera nti Okuteesa kwange kulinywera era ndikola bye njagala byonna:
- 11 ayita ennyonyi ey'amaddu akuva ebuvanjuba, omusajja ow'okuteesa kwange okuva mu nsi ey'ewala; weewaawo, nayogera, n'okutuukiriza ndikituukiriza; nateesa, n'okukola ndikikola.
- 12 Mumpulirize, mmwe abalina emitima emikakanyavu, abali ewala n'obutuukirivu:
- 13 nsembeza obutuukirivu bwange, tebuliba wala n'obulokozi bwange tebulirwawo era nditeeka obulokozi mu Sayuuni ku lwa Isiraeri ekitiibwa kyange.

Essuula 47

- 1 Serengeta otuule mu nfuufu ggwe omuwala wa Babulooni atamanyi musajja; tuula ku ttaka awatali ntebe ya bwakabaka, ggwe omuwala w'Abakaludaaya: kubanga tebakyakuyitanga nyanyali era mwekanasi.
- 2 Ddira emmengo ose obutta: bikkula ku maaso, ggyako ekirenge, bikkula ku kugulu, oyite mu migga.
- 3 Obwereere bwo bulibikkuka, weewaawo, ensonyi zo zirirabika: ndiwalana eggwanga so sirikkiriza muntu yenna.
- 4 Omununuzi waffe, Mukama ow'egge lye linnya lye, Omutukuvu wa Isiraeri.
- 5 Tuula ng'osirise, wegendere mu kizikiza, ggwe omuwala w'Abakaludaaya: kubanga tebakyakuyitanga Mukyala wa mu bwakabaka.
- 6 Nasunguwalira abantu bange, navumisa obusika bwange, ne mbawaayo mu mukono gwo: tewabasaasira n'akamu; ku bakadde obatatdeko ekikoligo kyo kizito nnyo.
- 7 N'oyogera nti Naabanga mukyala ennaku zonna: ebyo n'otobissa ku mwoyo so tewa-jjukira nkomerero yaabyo ya luvannyuma.
- 8 Kale nno kaakano wulira kino, ggwe aweereddwa ejjaliri okwesiima, atuula ng'osiita, ayogera mu mutima gwo nti Wendi, so tewali mulala wabula nze; sirituula nga nnamwandu, so sirimanya kufirwa baana:
- 9 naye bino byombiriri birikujjira mangu ku lunaku lumu, okufirwa abaana ne bunnamwandu: birikujjako mu kigera kyabyo ekituukiridde, obulogo bwo newakubadde nga bungu butya, n'obusawo bwo newakubadde nga busukkiridde obungi.
- 10 Kubanga weesiga obubi bwo; wayogera nti Siriiko andaba; amagezi go n'okumanya kwo bye bikukyamizza: n'oyogera mu mutima gwo nti Wendi, so tewali mulala wabula nze.
- 11 Obubi kyebuliva bukujjako; tolimanya mmambya yaabwo: n'akataali kalikugwako; toliyinda kukaggyawo: n'okuzika kulikujjako mangu ago kw'otomanyiridde.
- 12 Yimirira nno n'obusawo bwo n'obulogo bwo obwayinga obungi, obwakutengezzanga okuva mu buto bwo; oba nga mpozzi oliyinda okugasa, oba nga mpozzi oliyinda okusobola.
- 13 Abateesa naawe abayinga obungi bakukooyezza: abalaguza eggulu, abalengera emmunyeenye, abalanga eby'emyezi bayimirire nno bakulokole mu ebyo ebirikujjako.
- 14 Laba, baliba ng'ebisusunku; omuliro gulibookya; tebalyewonya mu buyinda bw'omuliro: teguliba lyanda lya kwota, newakubadde kyoto eky'okutuulako.
- 15 Bwe bityo bwe biriba gy'oli ebyo ebyakutengezzanga: abaagulaananga naawe okuva mu buto bwo balibulubuuta buli muntu ku luuyi lwe ye; tewaliba wa kukulokola.

Essuula 48

- 1 Muwulire kino, mmwe ennyumba ya Yakobo, abaatumibwa erinnya lya Isiraeri era abavudde mu mazzi ga Yuda; abalayira erinnya lya Mukama, era aboogera ku Katonda wa Isiraeri, naye si mu mazima so si mu butuukirivu.
- 2 Kubanga beeyita ba mu kibuga kitukuvu, era beesigama ku Katonda wa Isiraeri; Mukama ow'eggye lye linnya lye.
- 3 Nabulira ebigambo ebyasooka okuva edda; weewaawo, byava mu kamwa kange ne mbiranga: nabikola mangu ne bituukirira.
- 4 Kubanga namanya ng'oli mukakanyavu, n'ensingo yo kinywa kya kyuma, n'ekyenyi kyo kikomo;
- 5 kyennava nkikubuulira okuva edda; nga tekinnatuukirira nakiranga gy'oli: olemenga

okwogera nti Ekifaananyi kyange kye kibikoze, n'ekifaananyi kyange ekyole n'ekifaananyi kyange ekisaanuuse bye bibiragidde.

- 6 Wakiwulira; laba bino byonna; nammwe temulikibuulira? Nkulaze ebigambo ebiggya okuva mu biro bino, ebigambo ebyakwekebwa, by'otomanyanga.
- 7 Bitoneddwa kaakano so si kuva dda; eka okusooka olwa leero tobiwuliranga; ole-menga okwogera nti Laba, nnali mbimanyi.
- 8 Weewaawo, towuliranga; weewaawo, tomanyanga; weewaawo, obw'edda bwonna okutu kwo tekuggukanga: kubanga namanya nga walyazaamaanya nnyo, era way-itibwa musobywa okuva mu lubuto.
- 9 Olw'erinnya lyange ndyosaawo obusungu bwange, n'olw'ettendo lyange ndizibiikiriza gy'oli nneme okukuzikiriza.
- 10 Laba, nkulongoosezza naye si nga ffeeza; nkulonedde mu kikoomi kwe kubonyaabonyezebwa.
- 11 Ku lwange nze, ku lwange nze kyendiva nkikola; kubanga erinnya lyange bandirivumye batya? n'ekitiibwa kyange sirikiwa mulala:
- 12 Mpuliriza, ggwe Yakobo, ne Isiraeri gwe nmayita: nze nzuuyo; nze w'olubereberye, era nze w'enkomerero.
- 13 Weewaawo, omukono gwange gwe gwateekawo omusingi gw'ensi, n'omukono gwange ogwa ddyo gwe gwabamba eggulu: bwe mbiyita ne biyimirira wamu.
- 14 Mwekuaanye, mmwe mwenna, muwulire; ani ku bo eyali abuuulidde ebyo? Mukama yamwagala: alikola Babulooni by'ayagala, n'omukono gwe guliba ku Bakaludaaya.
- 15 Nze, nze mwene, njogedde; weewaawo, mmuyimuse; mmuleese, era olugendo lwe alirulabisa omukisa.
- 16 Munsemerere, muwulire kino; okuva ku lubereberye soogereranga mu kyama; kasookedde kibaawo, nga wendi: era kaakano Mukama Katonda antumye n'omwoyo gwe.
- 17 Bw'atyo bw'ayogera Mukama, omununuzi wo, Omutukuvu wa Isiraeri, nti Nze Mukama Katonda wo, akuyigiriza okugasa, akukulemba mu kkubo ly'oba oyitamu.
- 18 Singa wawulira amateeka gange! kale emirembe gyo gyandibadde ng'omugga, n'obutuukirivu bwo ng'amayengo g'ennyanja:
- 19 era n'ezzadde lyo lyandibadde ng'omusenyu, n'ab'enda yo ng'empeke zaagwo: erinnya lye teryandisanguliddwa so teryandizikiridde mu maaso gange.
- 20 Mifulume mu Babulooni, mudduke Abakaludaaya; mubuulire mwogere kino mukirange n'okutuusa enkomerero y'ensi n'eddoboozi ery'okuyimba: mwogere nti Mukama anunudde omuweereza we Yakobo.
- 21 So tebaalumwa nnyonta bwe yabayisa mu malungu: yabakulukusiza amazzi mu lwazi: era yayasa n'olwazi, amazzi ne gatiiriika.
- 22 Tewali mirembe eri ababi, bw'ayogera Mukama.

Essuula 49

- 1 Mumpulirize, mmwe ebizinga; era mutege amatu, mmwe amawanga, nga muyima wala: Mukama yampita okuva mu lubuto; okuva munda ya mmange yayatula erinnya lyange:
- 2 era akamwa kange akafaananyizza ng'ekitala eky'obwogi, mu kisiikirize ky'omukono gwe mw'ankwese; era anfudde akasaale akazigule, mu mufuko gwe mw'ankuumidde ddala;
- 3 era yaamba nti Ggwe muweereza wange; Isiraeri gwe ndiweerwamu ekitiibwa.
- 4 Naye ne njogera nti Nateganira bwereere, amaanyi gange gaafa busa, naye mazima omusango gwange guli ne Mukama, n'empeera yange eri ne Katonda wange.

- 5 Era kaakano ayogera Mukama eyammumba okuva mu lubuto okuba omuweereza we, okumukomezaawo nate Yakobo era Isiraeri akuaanyizibwe gy'ali: (kubanga ndi wa kitiiibwa mu maaso ga Mukama, era Katonda wange afuuse amaanyi gange:)
- 6 weewaawo, ayogera nti Ekigambo kyayinga obwangu ggwe okuba omuweereza wange okugolokosa ebika bya Yakobo n'okulokola abawonye ku Isiraeri: era ndikuwaayo okuba omusana eri ab'amawaaga, obeerenga obulokozi bwange okutuusa ku nkomerero y'ensi.
- 7 Bw'atyo bw'ayogera Mukama, omununuzi wa Isiraeri, era Omutukuvu we, ng'agamba oyo abantu gwe banyooma, oyo eggwanga gwe likyawa, omuweereza w'abafuga, nti Bakabaka baliraba ne bagolokoka; abalangira baligolokoka ne basinza; ku lwa Mukama omwesigwa, Omutukuvu wa Isiraeri eyakulonda.
- 8 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Nkwanukulidde mu biro eby'okukkirizibwamu, era nkuyambye ku lunaku olw'okulokokeramu: era ndikuwonya ne nkuwaayo okuba endagaano eri abantu, okugolokosa ensi, okubasisa obusika obwazika:
- 9 ng'obuulira abo abasibiddwa nti Mufulume; abo abali mu kizikiza nti Mwerage. Banaaliiranga mu makubo, ne ku nsozi zonna ez'obweru kwe kunaabanga amalundiro gaabwe.
- 10 Tebaalumwenga njala newakubadde ennyonta; so n'olubugumu teruubakwatenga newakubadde omusana: kubanga oyo abasaasira anaabakulemberanga era awali enzizi z'amazzi gy'anaabatwalanga.
- 11 Era ndifuula ensozi zange zonna okuba ekkubo, n'enguudo zange zirigulumizibwa.
- 12 Laba, bano baliva wala: era, laba, bano baliva obukiika obwa kkono n'ebugwanjuba; era bano mu nsi y'e Sinimu.
- 13 Yimba, ggwe eggulu; era sanyuka, ggwe ensi; era mubaguke okuyimba, mmwe ensozi: kubanga Mukama asanyusizza abantu be, era alisaasira ababe ababonyaabonyezebwa.
- 14 Naye Sayuuni n'ayogera nti Mukama andese, era Mukama anneerabidde.
- 15 Omukazi ayinza okwerabira omwana we ayonka, obutasaasira mwana wa nda ye? weewaawo, abo bayinza okwerabira, naye siikwerabirenga ggwe.
- 16 Laba, nkuyoze ku bibatu by'emikono gyange; ebisenge byo biri mu maaso gange bulijjo.
- 17 Abaana bo baanguwa; abaakuzikiriza n'abaakuzisa balikuvaamu.
- 18 Yimusa amaaso go enjuyi zonna olabe: abo bonna beekuaanya wamu ne bajja gy'oli. Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, tolirema kubambala bonna ng'eky'obuyonjo, n'obeesiba ng'omugole.
- 19 Kubanga ebifo byo ebyazika ebyalekebawo n'ensi yo eyazikirizibwa, mazima kaakano olibayingirira obufunda abatuulamu, n'abo abaakulyanga baliba wala.
- 20 Abaana ab'okufiirwa kwo balyogerera mu matu go nti Ekifo kinnyingiridde obufunda: mpa ebbanga ntuule.
- 21 N'olyoka oyogerera mu mutima gwo nti Ani eyanzaalira bano, kubanga nafirwa abaana bange, era ndi omu, eyagobebwa, era abulubuutira eruuyi n'eruyi? era ani eyalera bano? Laba, nasigala omu; bano, baali bali ludda wa?
- 22 Bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndigololera amawanga omukono gwange, ne nsimbira abantu ebendera yange: awo balireeta batabani bo mu kifuba kyabwe, ne bawala bo balikongojjerwa ku bibegabega byabwe.
- 23 Era bakabaka baliba bakitaawo abalera, ne bakaddulubaale baabwe baliba bannyoko abayonsa: balikuvuunamira n'amaaso gaabwe, ne bakomba enfuufu ey'omu bigere byo; kale olimanya nga ndi Mukama, n'abo abannindirira tebalikwatibwa nsonyi.
- 24 Omunyago guliggibwa ku b'amaanyi, oba abawambibwa olw'ensonga baliteebwa?
- 25 Naye bw'atyo bw'ayogera Mukama nti N'abo ab'amaanyi be baawamba baliggibwawo, n'omunyago gw'ab'entiisa guliteebwa: kubanga ndiyomba n'oyo ayomba

naawe, era ndirokola abaana bo.

- 26 Era abo abakujooga ndibaliisa ennyama yaabwe bo; era balitamiira omusaayi gwabwe bo, nga n'omwenge omuwoomerevu: n'abalina omubiri bonna balimanya nga nze Mukama ndi mulokozi wo, era omununuzi wo, Ow'amaanyi owa Yakobo.

Essuula 50

- 1 Bw' atyo bw' ayogera Mukama nti Ebbaluwa ey' okugoba nnyammwe eri ludda wa gye nnamugobya? oba aluwa ku abo abammanja gwe nnabaguza? Laba, olw' obutali butuukirivu bwammwe kyemwava mutundibwa, era okusobya kwammwe kwe kwagobya nnyammwe.
- 2 Bwe nnajja, kyewava walema okubaawo omuntu ki? bwe nnayita, tewaali eyandiyitabye? Omukono gwange guyimpawadde ne gutayinza n' akatono kununula? oba sirina maanyi n' akatono ga kuwonya? Laba, olw' okunenya kwange nkaliza ennyanja; emigga ngifuula eddungu: ebyennyanya byamu ne biwunya, obutabaawo mazzi, ne bifa ennyonta.
- 3 Nnyambaza eggulu obuddugavu, era ndibikkako ebibukutu.
- 4 Mukama Katonda ampadde olulimi lw' abo abayigirizibwa, ndyoke mmanye okugumya n' ebigambo oyo akooye: azuukusa buli lukya; azuukusa okutu kwange okuwulira ng' abo abayigirizibwa.
- 5 Mukama Katonda aggudde okutu kwange, ne ssiba mujeemu ne ssikyuka kudda nnyuma.
- 6 Nawaayo amabega gange eri abakuba, n' amatama gange eri abo abakuunyuula enviiri: saakweka maaso gange nsonyi na kuwanda malusu.
- 7 Kubanga Mukama Katonda alinnyamba; kyennava nnema okuswala: kyenvudde nteeka amaaso gange ng' ejjinja ery' embaalebaale, era mmanyi nga sirikwatibwa nsonyi.
- 8 Ali kumpi ampeesa obutuukirivu; ani aliyomba nange? tuyimirire fembi; omulabe wange ye ani? ansemerere.
- 9 Laba, Mukama Katonda ye alinnyamba; ani oyo alinsalira omusango? laba, bonna balikaddiwa ng' ekyambalo; ennyenje eribaliira ddala.
- 10 Ani ku mmwe atya Mukama; agondera eddoozi ly' omuweereza we? atambulira mu kizikiza, nga talina musana, yeesige erinnya lya Mukama, era yeesigame ku Katonda we.
- 11 Laba, mmwe mwenna abakuma omuliro, abeesiba emimuli enjuyi zonna: mutambulire mu nnimi z' omuliro gwammwe, ne mu mimuli gye mukoleezezza, Ekyo kye muliweebwa mu mukono gwange; muligalamira nga munakuwadde.

Essuula 51

- 1 Mumpulirize, mmwe abagoberera obutuukirivu, mmwe abanoonya Mukama: mutunuulire olwazi lwe mwatemebwako, n' obunnya bw' obuya bwe mwasimibwamu.
- 2 Tunuulira Ibulayimu jjajjammwe ne Saala eyabazaala: kubanga bwe yali ali omu yekka ne mmuyita ne mmuwa omukisa ne mmwaza.
- 3 Kubanga Mukama asanyusizza Sayuuni: asanyusizza ebifo bye byonna ebyazika n' afuula olukoola lwe okuba nga Adeni n' eddungu lye okuba ng' olusuku lwa Mukama; essanyu n' okujaguza birirabika omwo, okwebaza, n' eddoozi ery' okuyimba.
- 4 Mumpulirize, mmwe abantu bange; era muntegere okutu, mmwe eggwanga lyange: kubanga etteeka lirifuluma gye ndi, era ndibeesaawo omusango gwange okuba

omusana eri amawanga.

- 5 Obutuukirivu bwange buli kumpi, obulokozi bwange bufulumye, n'emikono gyange girisalira amawanga emisango; ebinga birinnindirira, n'omukono gwange gwe biryesiga.
- 6 Muyimuse amaaso gammwe eri eggulu, era mutunuulire ensi wansi: kubanga eggulu lirivaawo ng'omukka, n'ensi erikaddiwa ng'ekyambalo, n'abo abagituulamu balifa bwe batyo: naye obulokozi bwange bunaabeereranga ennaku zonna, so n'obutuukirivu bwange tebujjulukukenga.
- 7 Mumpulirize, mmwe abamanyi obutuukirivu, eggwanga eririna amateeka gange mu mutima gwammwe, temutyanga kuvuma kwa bantu, so temukeentererwanga lwa kuyomba kwabwe.
- 8 Kubanga ennyenje eribaliira ddala ng'ekyambalo, n'enkuyege eribalya ng'ebyoya by'endiga: naye obutuukirivu bwange bunaabeereranga ennaku zonna, n'obulokozi bwange okutuusa emirembe gyonna.
- 9 Zuukuka, zuukuka, yambala amaanyi, ggwe omukono gwa Mukama; zuukuka nga mu nnaku ez'edda, mu mirembe egy'ebyo eby'edda. Si ggwe wuuyo eyatemaatema Lakabu, eyafumita ogusota?
- 10 Si ggwe wuuyo eyakaliza ennyanja, amazzi ag'obuziba obuwanvu; eyafuula obuziba bw'ennyanja okuba ekkubo abaanunulibwa okusomokeramu?
- 11 N'abo Mukama be yagula balikomawo ne bajja e Sayuuni n'okuyimba; n'essanyu eritaliggwaawo liriba ku mitwe gyabwe; balifuna essanyu n'okujaguza, ennaku n'okusinda biriddukira ddala.
- 12 Nze, nze mwene, nze nzuuyo abasanyusa: ggwe ani n'okutya n'otya omuntu alifa, n'omwana w'omuntu alifuuka ng'omuddo;
- 13 ne weerabira Mukama Omukozi wo, eyabamba eggulu, n'ateekawo emisingi gy'ensi; n'ozibyanganga obudde bulijjo ng'otya olw'obukaali bw'omujoozi, bwe yeeteekateeka okuzikiriza? era buli ludda wa obukaali bw'omujoozi?
- 14 Eyawambibwa eyagobebwa aliteebwa mangu; so talifa n'akka mu bunnya, so n'emmere ye teribula.
- 15 Kubanga nze ndi Mukama Katonda wo asiikuusa ennyanja amayengo gaayo ne gawuluguma: Mukama ow'eggye lye linnya lye.
- 16 Era ntadde ebigambo byange mu kamwa ko, era nkubisseeko mu kisiikirize ky'omukono gwange, ndyoke nsimbe eggulu ne nteekawo emisingi gy'ensi ne amba Sayuuni nti Ggwe bantu bange.
- 17 Zuukuka, zuukuka, yimirira, ggwe Yerusalemi, eyanywera mu mukono gwa Mukama ku kikompe eky'obukaali bwe wanywa ku kibya eky'ekikompe eky'okutagatta n'okikutankira.
- 18 Ku baana bonna be yazaala tekuli wa kumukulembera; so tekuli amukwata ku mukono ku baana bonna be yalera.
- 19 Bino byombi bikuguddeko; ani alikukaabirako? okuzika n'okuzikirira, n'enjala n'ekitala; n'akusanyusa ntya?
- 20 Batabani bo bazirise, bagalamira mu nguudo zonna we zisibuka, ng'engabi mu kitimba; bajjudde obukaali bwa Mukama, okunnya kwa Katonda wo.
- 21 Kale nno kaakano wulira kino, ggwe abonyaabonyezebwa, era atamidde naye si na mwenge:
- 22 bw'atyo bw'ayogera Mukama wo Mukama era Katonda wo awoza ensonga ey'abantu be, nti Laba, nziye mu mukono gwo ekikompe eky'okutagatta, kye kibya eky'ekikompe eky'obukaali bwange; tokyakinywangako lwa kubiri:
- 23 era ndikiteeka mu mukono gw'abo abaakubonyaabonya; abaagamba obulamu bwo nti Kutama tuyiteko: naawe n'oteekawo amabega go ng'ettaka era ng'oluguudo eri abo

abayitako.

Essuula 52

- 1 Zuukuka, zuukuka, yambala amaanyi go, ggwe Sayuuni; yambala ebyambalo byo eby'obuyonjo, ggwe Yerusaalemi, ekibuga ekitukuvu: kubanga okuva leero temukyayingiranga mu ggwe nate atali mukomole n'atali mulongoofu.
- 2 Weekunkumule enfuufu; golokoka otuule wansi, ggwe Yerusaalemi: weesumulule enjegere ez'omu bulago bwo, ggwe omuwala wa Sayuuni eyanyagibwa.
- 3 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Mwatundirwa bwereere; era mulin-unulibwa awatali ffeeza.
- 4 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda nti Olubereberye abantu bange baaserengeta e Misiri okutuulayo: Omwasuli n'abajooza ng'abalanga bwereere.
- 5 Kale nno kaakano nkola ki wano, bw'ayogera Mukama, kubanga abantu bange baatwalirwa bwereere? abo ababafuga bawowoggana, bw'ayogera Mukama, n'erinnya lyange bazibya obudde bulijjo okulivuma.
- 6 Abantu bange kyebaliva bamanya erinnya lyange: kyebaliva bamanya ku lunaku luli nga nze nzuuyo ayogera; laba, nze nzuuno.
- 7 Nga birungi ku nsozi ebigere by'oyo aleeta ebigambo ebirungi, alanga emirembe, aleeta ebigambo ebirungi eby'obulungi, alanga obulokozi; agamba Sayuuni nti Katonda wo afuga!
- 8 Eddoboozi ly'abasajja bo abakuuma! bayimusa eddoboozi, bayimbira wamu; kubanga baliraba eriiso n'eriiso, Mukama bw'alikomawo e Sayuuni.
- 9 Mubaguke okusanyuka, muyimbire wamu, mmwe ebifo eby'e Yerusaalemi ebyazika: kubanga Mukama asanyusizza abantu be, anunudde Yerusaalemi.
- 10 Mukama afungizizza omukono gwe omutukuvu mu maaso g'amawanga gonna; n'enkomerero zonna ez'ensi ziriraba obulokozi bwa Katonda waffe.
- 11 Mugende, mugende, muve omwo, temukomanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu; muve wakati mu ye: mubeerenga balongoofu, mmwe abasitula ebintu bya Mukama.
- 12 Kubanga temulivaamu nga mwanguyiriza so temuligenda nga mudduka: kubanga Mukama alibakulemba; era Katonda wa Isiraeri ye alibasemba.
- 13 Laba, omuweereza wange alikola n'amagezi, aliyimusibwa alisitulibwa, era aligulumira nnyo,
- 14 Ng'abangi bwe baakwewuunya, (amaaso ge gaayonooneka bwe gaty'o okusinga omuntu yenna, n'embala ye okusinga abaana b'abantu,)
- 15 bw'atyo bw'alimansira amawanga amangi; bakabaka balibuniza obumwa bwabwe gy'ali: kubanga kye batabuulirwanga balikiraba; ne kye batawuliranga balikitegeera.

Essuula 53

- 1 Ani akkiriza ebigambo byaffe: era ani abikkuliddwa omukono gwa Mukama?
- 2 Kubanga yakulira mu maaso ge ng'ekisimbe ekigonvu era ng'ekikolo ekiva mu ttaka ekkalu; talina mbala newakubadde obulungi; era bwe tumulaba, nga tewali na kalungi akatumwegombesa.
- 3 Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu; omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era ng'omuntu abantu gwe bakweka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bw'atyo, ne tutamuyitamu ka buntu.
- 4 Mazima yeetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe: naye twamulowooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda n'abonyaabonyezebwa.
- 5 Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu

bwaffe: okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya.

- 6 Ffe fenna twawaba ng'endiga; twakyamira buli muntu mu kkubo lye ye; era Mukama atadde ku ye obutali butuukirivu bwaffe fenna.
- 7 Yajoogebwa, naye ne yeetoowaza n'atayasama kamwa ke; ng'omwana gw'endiga ogutwalibwa okuttibwa, era ng'endiga esirika mu maaso g'abo abagisalako ebyoya; weewaawo, teyayasama kamwa ke.
- 8 Yaggibwawo olw'okujoogebwa n'omusango; n'eby'ezzadde lye, ani ku bo eyalowooza nga yazikirizibwa mu nsi ey'abalamu? yakubibwa olw'okusobya kw'abantu bange.
- 9 Ne bamuziikira wamu n'ababi, era n'abagagga mu kufa kwe; newakubadde nga tagiranga kyejo, so nga temuli bukuusa mu kamwa ke.
- 10 Naye Mukama yasiima okumubetenta; amunakuwazizza: bw'ofuulanga obulamu bwe okuba ekiweebwayo olw'ekibi, aliraba ezzadde, alyongera ku nnaku ze, n'ebyo Mukama by'ayagala biriraba omukisa mu mukono gwe.
- 11 Aliraba ku ebyo ebiva mu kulumwa kw'obulamu bwe, era birimumala: olw'okumu-manyanya omuweereza wange omutuukirivu aliweesa bangi obutuukirivu era alyetikka obutali butuukirivu bwabwe.
- 12 Kyendiva mmugabira omugabo wamu n'abakulu, era aligerekera omunyago wamu n'ab'amaanyi; kubanga yafuka obulamu bwe okutuusa ku kufa, n'abalirwa wamu n'abasobya: naye yeetikka ekibi ky'abangi, era yawolereza abasobya.

Essuula 54

- 1 Yimba, ggwe omugumba, atazaalanga; baguka okuyimba oyogerere waggulu, atalumwanga kuzaalanga: kubanga abaana b'oyo atalina bba bangi okusinga abaana b'omukazi eyafumbirwa, bw'ayogera Mukama.
- 2 Gaziya ekifo eky'eweema yo, era babambe amagigi g'ennyumba zo; tokwata mpola: wanvuya emigwa gyo, onyweze enkondo zo.
- 3 Kubanga olyanjaala ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono; n'ezzadde lye lirirya amawanga, era lirituuzza abantu mu bibuga ebyalekebwayo.
- 4 Totya: kubanga tolikwatibwa nsonyi: so toswala; kubanga ensonyi tezirikukwata: kubanga olyerabira ensonyi ez'omu buto bwo, n'ekivume ky'obwannamwanda bwo tolikijukira nate.
- 5 Kubanga Omutonzi wo ye balo; Mukama ow'eggye lye linnya lye: era Omutukuvu wa Isiraeri ye mununuzi wo; aliyitibwa Katonda wa nsi zonna.
- 6 Kubanga Mukama akuyise ng'omukazi eyalekebwayo n'omwoyo gwe nga guliko obuyinike, omukazi ow'omu buvubuka, bw'agobebwa, bw'ayogera Katonda wo.
- 7 Akaseera akatono nkuleseewo; naye ndikukuaanya n'okusaasira kungi.
- 8 Obusungu obwanjaala nga bunkutte naakukisa amaaso gange akaseera; naye ndikusaasira n'ekisa ekitaliggwaawo, bw'ayogera Mukama omununuzi wo.
- 9 Kubanga ekyo kiri ng'amazzi ga Nuuwagye ndi: kuba nga bwe nnalayira ng'amazzi ga Nuuwa tegakyayanjaala ku nsi bwe ntyo bwe nnalayira nga sirikusunguwalira so sirikununya.
- 10 Kubanga ensozi zirivaawo n'obusozi buliggibwawo; naye ekisa kyange tekirikuvaako so n'endagaano yange ey'emirembe teriggibwawo, bw'ayogera Mukama akusaasira.
- 11 Ggwe abonyaabonyezebwa asuukundibwa n'omuyaga so tosanysibwa, laba, nditeeka amayinja go mu mabala amalungi, ne nsimba emisingi gyo ne safiro.
- 12 N'ebitikkiro byo ndibikola n'amayinja amatwakaavu, n'enzigi zo ne kabunkulo, n'ensalo yo yonna n'amayinja agasanyusa.

- 13 N'abaana bo bonna baliyigirizibwa Mukama; n'emirembe gy'abaana bo giriba mingi.
- 14 Mu butuukirivu mw'oliyima okunywezebwa: onoobanga wala n'okujoogebwa, kubanga tolitya; onoobanga wala n'entiisa, kubanga terikusemberera.
- 15 Laba, mpozzi balikuaana naye si nze ndibakuaanya: buli alikukuaanirako aligwa ku lulwo.
- 16 Laba, natonda omuweesi afukuta omuliro gw'amanda, n'aggyamu ekintu ekikola omulimu gwe; era natonda n'omuzikiriza okufaafaaganya.
- 17 Tewaabenga kya kulwanyisa kye baliweesa okulwana naawe ekiriraba omukisa; era buli lulimi olulikugolokokerako okuwoza naawe olirusinga. Obwo bwe busika obw'abaddu ba Mukama n'obutuukirivu bwabwe obuva gye ndi, bw'ayogera Mukama.

Essuula 55

- 1 Mukale, buli muntu alumiddwa ennyonta, mujje eri amazzi, n'oyo atalina bigula; mujje mugule mulye; weewaawo, mujje mugule omwenge n'amata awatali bigula awatali muwendo.
- 2 Lwaki okuwaayo ebigula olw'ebyo ebitali bya kulya? lwaki okuteganyira ebyo ebitakkutibwa? mumpulirire ddala nze, mulye ebirungi, obulamu bwammwe busanyukire amasavu.
- 3 Mutege amatu gammwe, mujje gye ndi; muwulire, n'obulamu bwammwe bunaaba bulamu: nange saalagaana nammwe endagaano eteriggwaawo, kwe kusaasira kwa Dawudi okw'enkalakkalira.
- 4 Laba, mmuwaddeyo okuba omujulirwa eri amawanga, omukulu era omugabe eri amawanga.
- 5 Laba, oliyita eggwanga lye wali tomanyi, era eggwanga eryali terikumanyi liriddukira gy'oli, ku lwa Mukama Katonda wo ne ku lw'Omutukuvu wa Isiraeri; kubanga akugulumizizza.
- 6 Munoonye Mukama nga bw'akyayinzika okulabika, mumukaabirire nga bw'akyali okumpi:
- 7 omubi aleke ekkubo lye, n'omuntu atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye: era akomewo eri Mukama, naye anaamusaasira; adde eri Katonda waffe, kubanga anaasonyiyira ddala nnyo.
- 8 Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe, so n'amakubo gammwe si makubo gange, bw'ayogera Mukama.
- 9 Kuba eggulu nga bwe lisinga ensi obugulumivu, amakubo gange bwe gasinga bwe gatyo amakubo gammwe, n'ebirowoozo byange ebirowoozo byammwe.
- 10 Kuba enkuba nga bw'ekka n'omuzira okuva mu ggulu, ne bitaddayo, naye ne bifikirira ettaka, ne birimeza ne biribaza, ne biwa omusizi ensigo n'omuli ebyokulya;
- 11 bwe kityo me kinaabanga ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange: tekiridda gye ndi nga kyereere, naye kirikola ekyo kye njagala, era kiriraba omuisa mu ekyo kye nnakitumirira.
- 12 Kubanga mulifuluma n'essanyu, nulitwalibwa n'emirembe okuvaayo: ensozi n'obuzozi ziribaguka okuyinba mu maaso gammwe, n'emiti yonna egy'oku ttale girikuba mu agalo.
- 13 Mu kifo ky'omweramanyo mulimera olusambya, ne mu ifo ky'omutovu mulimera omumwanyu: era kiriba eri Mukama erinnya, akabonero akataliggwaawo akataliggibwawo.

Essuula 56

- 1 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Mukwatenga eby'ensonga, mukolenga eby'obutuukirivu: kubanga obulokozi bwange bunaatera okujja, n'obutuukirivu bwange bunaatera okubikkulibwa.
- 2 Alina omukisa omuntu akola ekyo, n'omwana w'omuntu akinyweza; akwata ssabbiiti obutagyonona, n'akuuma omukono gwe obutakola bubu bwonna.
- 3 So ne munnaggwanga eyeegatta ne Mukama tayogeranga nti Mukama talirema kunjawula n'abantu be: so n'omulaawe tayogeranga nti Laba, ndi muti mukalu.
- 4 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama w'abalaawe abakwata ssabbiiti zange, ne beeroboza ebyo bye nsanyukira, ne banyweza endagaano yange.
- 5 nti Abo be ndiwa ekijjukizo n'erinnya erisinga ery'abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala mu nnyumba ne munda w'ebisenge byange; ndibawa erinnya eritaliggwaawo eritalig-gibwawo.
- 6 Era ne bannaggwanga abeegatta ne Mukama, okumuweerezanga, n'okwagalanga erinnya lya Mukama, okuba abaddu be, buli muntu akwata ssabbiiti obutagyonona, n'anyweza endagaano yange;
- 7 abo ndibatuusa ku lusozi lwange olutukuvu, ne mbasanyusa mu nnyumba yange ey'okusabirangamu; ebyabwe ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka zaabwe birikirizibwa ku kyoto kyange: kubanga ennyumba yange eneeyitibwanga nnyumba ya kusabirangamu eri amawanga gonna.
- 8 Mukama Katonda akuaanya aba Isiraeri abaagobebwa ayogera nti Oliboolyawo ne mmukuaanyiza n'abalala, obutassaako babe abakuaanyizibwa.
- 9 Mmwe mwenna ensolo ez'omu nsiko, mujje okulya, mmwe mwenna ensolo ez'omu kibira.
- 10 Abakuumi be bazibe ba maaso, bonna tebalina kumanya; bonna mbwa nsirusiru, tebayinza kuboggola; nga baloota, nga bagalamira, nga baagala okubongoota.
- 11 Weewaawo, embwa za mululu, teziyinda kukkuta ennaku zonna; ne bano basumba abatayinza kutegeera; bonna bakyamidde mu kkubo lyabwe bo, buli muntu eri amagoba ge, okuva mu njuyi zonna.
- 12 Boogera nti Mujje, naakima omwenge, ne twekamirira ekitamiiza; n'olw'enkya luliba ng'olwa leero, olukulu olutenkanikika.

Essuula 57

- 1 Omutuukirivu azikirira, so tewali akissaako omwoyo; n'abantu ab'ekisa baggibwawo, nga tewali alowooza ng'omutuukirivu aggibwa mu bubu obugenda okujja.
- 2 Ayingira mu mirembe; bawummulira ku bitanda byabwe, buli muntu atambulira mu bugolokofu bwe.
- 3 Naye musebere wano, mmwe batabani b'omukazi omulogo, ezzadde ly'omwenzi n'omukazi omutambuzi.
- 4 Muzannyira ku ani? ani gwe mukongoola ne mumusoomoza? temuli baana ba kusobyu, zzadde lya bulimba,
- 5 mmwe abeereetera okwegomba mu mivule, wansi wa buli muti ogumera; abattira abaana mu biwonvu wansi w'enjatika z'enjazi?
- 6 Mu mayinja amaweweewu ag'omu kiwonvu we wali omugabo gwo; ago, ago kye kitundu kyo: ago ge wafuukira ekiweebwayo ekyokunywa, ge wawa ekirabo. Ndiwooyawooyezebwa ebyo nga bibaddewo?
- 7 Ku lusozi oluwanvu olugulumivu kwe wasimba ekitanda kyo: era eyo gye walinyanga okuwaayo ssaddaaka.

- 8 Era wasimba ekijjukizo kyo ennyuma w'enzigi n'emifuubeeto: kubanga weebikkulidde omulala atali nze, era olinnye; ogaziyizizza ekitanda kyo ne weera-gaanira endagaano nabo; wayagala ekitanda kyabwe gye wakirabira.
- 9 N'ogenda eri kabaka ng'olina amafuta ag'omugavu, n'oyongerera kalifuwa wo, n'otuma wala ababaka bo, ne weetoowaza okutuusa ne mu magombe.
- 10 Olugendo lwo lwayinga obunene ne lukukooya; naye n'otoyogera nti Tewali ssuubi: walaba ekyakuzzaamu amaanyi; kyewava olema okuzirika.
- 11 Era ani gwe watya n'otekemuka n'okulimba n'olimba n'otonjjukira nze, so tokissanga ku mwoyo? obw'edda saasirika busirisi, naawe n'otontya?
- 12 Ndibuulira obutuukirivu bwo, n'ebikolwa byo nabyo tebirikugasa.
- 13 Bw'okaaba, abo be wakuaanya bakulokole; naye empewo eribatwala, omukka gulibaggirawo ddala bonna: naye oyo aneesiga nze ye alirya ensi, era ye alisikira olusozi olutukuvu.
- 14 Era alyogera nti Mugulumize, mugulumize, mulongoose ekkubo, muggye enkonge mu kkubo ly'abantu bange.
- 15 Kubanga bw'atyo bw'ayogera oyo ali waggulu omugulumivu atuula mu butaligg-waawo, erinnya lye Mutukuvu, nti Ntuula mu kifo ekigulumivu ekitukuvu, era wamu n'oyo alina omwoyo oguboneredde omukkakkamu, okulamya omwoyo gw'abakkakkamu, n'okulamya omutima gw'abo ababoneredde.
- 16 Kubanga siriwakana ennaku zonna, so sirisunguwala emirembe gyonna: kubanga omwoyo gwandiggweereddewo mu maaso gange, n'emmeeme ze nnakola.
- 17 Olw'omululu gwe ogutali gwa butuukirivu kyennava nsunguwala ne mmukuba, nakweka amaaso gange ne nsunguwala: ne yeeyongerera okugenda mu maaso ng'abambaala mu kkubo ly'omutima gwe.
- 18 Ndabye amakubo ge; era ndimuwonya: n'okuluamya ndimuluamya, ne mmuddiza ebisanyusa ye n'abo abamukaabirako.
- 19 Nze ntonda ebibala eby'emimwa: Emirembe, emirembe eri oyo ali ewala n'eri oyo ali okumpi, bw'ayogera Mukama; nange ndimuwonya.
- 20 Naye ababi balianga ennyanja esiikuuka; kubanga teyinza kuteeka, n'amazzi gaayo gasiikuuka ebitosi n'ebisasiro.
- 21 Tewali mirembe, bw'ayogera Katonda wange, eri ababi.

Essuula 58

- 1 Yogerera waggulu, tota, yimusa eddoboosi lyo ng'ekkondeere, obuulire abantu bange okusobya kwabwe, n'ennyumba ya Yakobo ebibi byabwe.
- 2 Naye bannoonya bulijjo, era basanyuka okumanya amakubo gange: ng'eggwanga eryakolanga eby'obutuukirivu, ne bataleka kiragiyo kya Katonda waabwe, bansaba ebiragiyo eby'obutuukirivu; basanyuka okusemberera Katonda.
- 3 Lwaki ffe okusiiba, bwe boogera, naawe n'otolaba? lwaki ffe okubonyaabonya obulamu bwaffe, naawe n'otokissaako mwoyo? Laba, ku lunaku olw'okusiiba kwammwe kwe mulabira essanyu lyammwe mmwe, n'emirimu gyammwe gyonna nga mukoze n'amaanyi.
- 4 Laba, musiiibira ennyombo n'okuwakana, n'okukuba ekikonde eky'ettima: temusiiba leero bwe mutyo n'okuwuliza ne muwuliza eddoboosi lyammwe mu ggulu.
- 5 Okusiiba kwe nnalonda bwe kufaanana bwe kutyo? Olunaku omuntu lw'abonyez-abonyezaako obulamu bwe? Kwe kukutamya omutwe ng'olulago, n'okwaliira ebibukutu n'evvu wansi we? ekyo ky'onooyita okusiiba, era olunaku Mukama lw'asi-ima?
- 6 Kuno si kwe kusiiba kwe nnalonda? okusumulula ebisiba eby'ekyejo,

okufunduukulula emigwa egy'ekikoligo, n'okuteera ddala abajoogebwa, era mumenye buli kikoligo?

- 7 Si kugabira bayala emmere yo, n'oleeta abaavu abagobebwa mu nnyumba yo? bw'olabanga ali obwereere n'omwambaza; n'oteekisa mubiri gwo ggwe?
- 8 Kale omusana gwo ne gulyoka gusala ng'emmambya, n'okuwona kwo ne kwanguwa okujja: n'obutuukirivu bwo bulikukulembera; ekitiibwa kya Mukama kye kirikusemba.
- 9 N'olyoka oyita Mukama n'ayitaba; olikaaba naye alyogera nti Nze nzuuno. Bw'onoggya wakati wo ekikoligo, okulaga olunwe, n'okwogera obubi;
- 10 n'omuggirawo omuyala obulamu bwo, n'okkusa obulamu obubonyaabonyezebwa; kale omusana gwo ne gulyoka guviirayo mu kizikiza, n'ekifu kyo kiriba ng'ettuntu:
- 11 era Mukama anaakuluamyanga ennaku zonna, n'akkusa obulamu bwo mu bifo ebikalu n'anyweza amagumba go; naawe onoobanga ng'olusuku olufukirirwa amazzi era ng'oluzzi lw'amazzi olutaggwaamu mazzi.
- 12 N'abo abalikuvaamu balizimba ebifo eby'edda ebyazika: olizza emisingi egy'emirembe emingi: era oliyitibwa nti Muzibi wa kituli, Muzza wa makubo ga kutuulamu.
- 13 Bw'onookyusanga ekigere kyo okuva ku ssabbiiti obutakolanga by'oyagala ggwe ku lunaku lwange olutukuvu; ssabbiiti n'ogiyita essanyu, olunaku lwa Mukama olutukuvu olw'ekitiibwa; n'ogissangamu ekitiibwa, nga tokwata makubo go ggwe, so nga tonoonya by'oyagala ggwe, era nga toyogera bigambo byo ggwe:
- 14 kale n'olyoka osanyukira Mukama; nange ndikwebagaza ku bifo ebigulumivu eby'ensi; era ndikuliisa obusika bwa Yakobo kitaawo: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde.

Essuula 59

- 1 Laba, omukono gwa Mukama teguyimpawadde n'okuyinza ne gutayinza kulokola; so n'okutu kwe tekumuggadde n'okuyinza ne kutayinza kuwulira:
- 2 naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe, n'ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso, n'atayagala kuwulira.
- 3 Kubanga emikono gyammwe gyoonese n'omusaayi, engalo zammwe n'obutali butuukirivu; emimwa gyammwe gyogedde eby'obulimba, olulimi lwammwe luvulungutana eby'ekyejo.
- 4 Tewali awaaba eby'ensonga so tewali awoza eby'amazima: beesiga obutaliimu ne boogera eby'obulimba; baba mbuto za bubi ne bazaala obutali butuukirivu.
- 5 Baalula amagi ag'essalambwa ne baluka engoye eza nnabbubi: alya ku magi gaabwe afa n'ekyo ekibetentebwa ne kiwamatukamu embalasaasa.
- 6 Engoye zaabwe tezirifuuka byambalo, so tebalyebikka mirimu gyabwe: emirimu gyabwe mirimu gya butali butuukirivu, n'ekikolwa eky'ekyejo kiri mu ngalo zaabwe.
- 7 Ebigere byabwe bidduka mbiro okugoberera obubi, era banguya okuyiwa omusaayi ogutaliiko musango: ebirowoozo byabwe birowoozo bya butali butuukirivu; okuzika n'okuzikirizibwa kuba mu makubo gaabwe.
- 8 Ekkubo ery'emirembe tebalimanyi; so mu magenda gaabwe temuli musango: beeku-bidde amakubo amakyamu; buli atambulira omwo tamanyi mirembe.
- 9 Omusango kyeguva gutubeera ewala, so n'obutuukirivu tebututuukako: tusuubira omusana, naye ne tulaba kizikiza; tusuubira okumasamasa naye ne tutambulira mu kifu.
- 10 Tuwammanta ekisenge ng'abazibe b'amaaso, weewaawo, tuwammanta ng'abo abatalina maaso twesitala mu ttuntu ng'ekiro; mu abo abalina amaanyi tulianga abafu.

- 11 Fenna tuwuluguma ng'eddubu, ne tuwuubaala nnyo nga bukaamukuukulu: tusuubira omusango naye nga tewali; tusuubira obulokozi, naye butuli wala.
- 12 Kubanga okusobya kwaffe kweyongedde mu maaso go, n'ebibi byaffe be bajulirwa gye tuli: kubanga okusobya kwaffe kuli naffe, n'obutali butuukirivu bwaffe nabwo tubumanyi:
- 13 nga tusobya era nga twegaana Mukama, era nga tukyuka obutagoberera Katonda waffe, nga twogera eby'okujooga n'ebiy'okujeema, nga tugunja ebigambo eby'obulimba era nga tubyogera okuva mu mutima.
- 14 N'omusango gukyusibwa okudda ennyuma, n'obutuukirivu buyimirira wala: kubanga amazima gagwiridde mu luguudo, so n'obugolokofu tebuyinza kuyingira.
- 15 Weewaawo, amazima gabuze; n'oyo ava mu bubi yeefuula munyago: Mukama n'akiraba n'anyiiga obutabaawo musango.
- 16 N'alaba nga tewali muntu, ne yeewuunya obutabaawo muwolereza: omukono gwe ye kyegwawa gumuleetera obulokozi; n'obutuukirivu bwe bwe bwamuwanirira.
- 17 N'ayambala obutuukirivu ng'eky'omu kifuba, n'enkuufiira ey'obulokozi ku mutwe gwe; n'ayambala engoye ez'okuwalana eggwanga okuba ebyambalo, n'ayambazibwa obunyiikivu ng'omunagiyo.
- 18 Ng'ebikolwa byabwe bwe biriba, bw'atyo bw'alisasula, abamukyawa alibasasula ekiruyi, abamukyawa alibasasula empeera; alisasula ebizinga empeera.
- 19 Kale balitya erinnya lya Mukama okuva ebugwanjuba, n'ekitiibwa kye okuva ebuwanjuba: kubanga alijja ng'omugga ogukulukuta n'amaanyi, ogutwalibwa n'omukka gwa Mukama.
- 20 Era omununuzi alijja e Sayuuni n'eri abo abakyuka okuva mu kusobya mu Yakobo, bw'ayogera Mukama.
- 21 Nange eno y'endagaano yange gye ndagaana nabo, bw'ayogera Mukama: omwoyo gwange oguli ku ggwe n'ebigambo byange bye ntadde mu kamwa ko tebiivenga mu kamwa ko newakubadde mu kamwa k'ezzadde lyo newakubadde mu kamwa k'ezzadde ly'ezzadde lyo, bw'ayogera Mukama, okusooka kaakano n'emirembe n'emirembe.

Essuula 60

- 1 Golokoka, yaka; kubanga omusana gwo gutuuse, n'ekitiibwa kya Mukama kikuviiriddeyo.
- 2 Kubanga, laba, ekizikiza kiribikka ku nsi n'ekizikiza ekikutte kiribikka ku mawanga: naye Mukama alikuviirayo n'ekitiibwa kye kirirabikira ku ggwe.
- 3 N'amawanga galijja eri omusana gwo, ne bakabaka balijja eri okumasamasa kwo ng'ovaayo.
- 4 Yimusa amaaso go omagemage olabe: bonna beekuaanyizza wamu, bajja gy'oli: batabani bo balijja nga bava wala, ne bawala bo baliweekerwa ku mbiriizi.
- 5 Awo n'olyoka olaba n'oyakirwa, n'omutima gwo gulikankana ne gugaziyizibwa; kubanga obusukkirivu obuli mu nnyanja bulikyusibwa gy'oli, obugagga obw'amawanga bulikujjira.
- 6 Olufulube lw'eamira lulikubikkako, eamira ez'e Midiyaani ne Efa; bonna balijja nga bava e Seeba: balireeta ezaabu n'omugavu ne balanga amatendo ga Mukama.
- 7 Endiga zonna eza Kedali zirikuanyizibwa gy'oli, endiga ennume eza Nebayoosi zirikuweereza: zinaalinnyanga ku kyoto kyange ne zikkirizibwa, era ndissaamu ekitiibwa ennyumba ey'ekitiibwa kyange.
- 8 Bano be baani ababuuka ng'ekire era nga bukaamukuukulu eri ebituli byabwo?
- 9 Mazima ebizinga birinnindirira, n'ebombo eby'e Talusiisi bye birisooka, okuleeta

batabani bo okubaggya ewala, effeeza yaabwe n'ezaabu yaabwe wamu nabo, olw'erinnya lya Mukama Katonda wo n'olw'Omutukuvu owa Isiraeri, kubanga ye yakussizzaamu ekitiibwa.

- 10 Era bannaggwanga balizimba enkomera zo ne bakabaka baabwe balikuweereza: kubanga nakukuba nga nkwatiddwa busungu, naye nkusaasidde nga nkwatiddwa kisa.
- 11 Era n'enzigi zo ziaabanga si nzigale bulijjo; teziggalwengawo misana n'ekiro; abantu bakuleeterenga obugagga obw'amawanga ne bakabaka baabwe nga bawambe.
- 12 Kubanga eggwanga eryo n'obwakabaka abatalikkiriza kukuweereza baliggwaawo; weewaawo, amawanga ago galizikiririzibwa ddala.
- 13 Ekitiibwa kya Lebanoni kirikujjira, enfugo n'omuyovu ne namukago wamu; okuwoomya ekifo eky'awatukuvu wange, era ndifuula ekifo eky'ebigere byange okuba eky'ekitiibwa.
- 14 N'abaana b'abo abaakujooganga balijja nga bakukutaamirira; n'abo bonna abaakunyoomanga balivuunama awali ebigere byo; ne bakuyita kibuga kya Mukama, Sayuuni eky'Omutukuvu owa Isiraeri.
- 15 Kubanga walekebwa n'okuyayibwa ne wataba muntu ayita mu ggwe, ndikufuula okuba obulungi obungi obutaliggwaawo, essanyu ery'emirembe emingi.
- 16 N'okuyonka oliyonka amata ag'amawanga, era oliyonka amabeere ga bakabaka: era olimanya nga nze Mukama ndi mulokozi wo era mununuzi wo, Owaamaanyi owa Yakobo.
- 17 Mu kifo ky'ekikomo ndireeta zaabu ne mu kifo ky'ekyuma ndireeta ffeeza, ne mu kifo ky'omuti ndireeta kikomo, ne mu kifo ky'amayinja ndireeta kyuma: era. ndifuula abaami bo okuba emirembe n'abakusolooza okuba obutuukirivu.
- 18 Ekyejo tekiriwulirwa nate mu nsi yo, newakubadde okuzika newakubadde okuzikirira mu nsalo zo; naye oliyita enkomera zo Bulokozi n'enzigi zo Kutendereza.
- 19 Enjuba si yeeneebanga nate omusana gwo emisana; so n'omwezi si gwe gunaakwaki-ranga olw'okumasamasa: naye Mukama ye anaabeeranga gy'oli omusana ogutaliggwaawo, era Katonda wo ye anaabanga ekitiibwa kyo.
- 20 Enjuba yo terigwa nate lwa kubiri so n'omwezi gwo tegulyegendera: kubanga Mukama ye anaabanga omusana gwo ogutaliggwaawo, n'ennaku ez'okukungubaga kwo ziriba nga ziweddewo.
- 21 Era n'abantu bo banaabanga batuukirivu bonna, balisikira ensi okutuusa emirembe gyonna; ettabi nze lye nnasimba, omulimu gw'engalo zange ndyoke mpeebwe ekitiibwa.
- 22 Omuto alifuuka lukumi n'omutono alifuuka ggwanga lya maanyi: nze Mukama ndikyanguya ebiro byakyo nga bituuse.

Essuula 61

- 1 Omwoyo gwa Mukama Katonda guli ku nze; kubanga Mukama anfuseeko amafuta okubuulira abawombeefu ebigambo ebirungi; antumye okusiba abalina emitima egi-meneyese, okulangirira eddembe eri abawambe, n'abasibe okuggulirwawo ekkomera;
- 2 Okulanga omwaka gwa Mukama ogw'okukkiririzibwamu, n'olunaku lwa Katonda waffe olw'okuwalanirwamu eggwanga; okusanyusa bonna abanakuwadde;
- 3 okubateekerawo abanakuwalidde mu Sayuuni, okubawa engule mu kifo ky'evvu, amafuta ag'okusanyuka mu kifo ky'okunakuwala, ekyambalo eky'okutendereza mu kifo ky'omwoyo ogw'okukungubaga; balyoke bayitibwe miti gya butuukirivu, Mukama gye yasimba, alyoke aweebwe ekitiibwa ye.
- 4 Kale balizimba ebyazika eby'edda, baliyimusa amatongo agaasooka okubaawo, era baliddaabiriza ebibuga ebyazika, amatongo ag'emirembe emingi.

- 5 Era bannaggwanga baliyimirira ne baliisa endiga zammwe, n'abagenyi be banaabalimiranga be banaabalongooserezanga emizabbibu.
- 6 Naye mmwe muliyitibwa bakabona ba Mukama: abantu balibayita baweereza ba Katonda waffe: mulirya obugagga obw'amawanga, ne mu kitiibwa kyabwe mwe mulyenyumiririza.
- 7 Mu kifo ky'ensonyi zammwe muliweebwa emirundi ebiri; ne mu kifo ky'okuswala balisanyukira omugabo gwabwe: kyebaliva babeera n'emirundi ebiri mu nsi yaabwe: baliba n'essanyu eritaliggwaawo.
- 8 Kubanga nze Mukama njagala omusango ogw'ensonga, nkyawa okunyaga wamu n'obutali butuukirivu; era ndibawa empeera yaabwe ng'amazima bwe gali, era ndiragaana nabo endagaano etaliggwaawo.
- 9 N'ezzadde lyabwe lirimanyibwa mu mawanga, n'enda yaabwe mu bantu: bonna abaabalabanga balibakkiriza ng'abo ly'ezzadde Mukama ly'awadde omukisa.
- 10 Naasanyukiranga nnyo Mukama, emmeeme yange eneesanyukiranga Katonda wange; kubanga annyambazizza ebyambalo eby'obulokozi, ambisseeko omunagirowe ogw'obutuukirivu, ng'awasa omugole bwe yeeyonja n'engule, era ng'omugole bwe yee-woomya n'ebyobuyonjo bwe.
- 11 Kuba ng'ettaka bwe lisansuza ekimuli kyalyo, era ng'olusuku bwe lumeza ebyo ebisigibwa mu lwo; bw'atyo Mukama Katonda bw'alimeza obutuukirivu n'okuten-dereza mu maaso g'amawanga gonna.

Essuula 62

- 1 Ku lwa Sayuuni kyendiva nnema okusirika ne ku lwa Yerusalemi kyendiva nnema okuwummula, okutuusa obutuukirivu bwe lwe bulifuluma ng'okumasamasa, n'obulokozi bwe ng'ettabaaza eyaka.
- 2 Kale amawanga galiraba obutuukirivu bwo, ne bakabaka bonna ekitiibwa kyo: awo olituumibwa erinnya eriggya akamwa ka Mukama lye kalituuma.
- 3 Era oliba ngule ya bulungi mu mukono gwa Mukama, n'enkuufiira ey'obwakabaka mu mukono gwa Katonda wo.
- 4 Toliyitibwa nate lwa kubiri nti Alekeddwa; so n'ensi yo teriyitibwa nate nti Eyazika: naye oliyitibwa nti Gwe nsanyukira, n'ensi yo eriyitibwa nti Eyafumbirwa: kubanga Mukama akusanyukira, n'ensi yo erifumbirwa.
- 5 Kuba omulenzi nga bw'awasa omuwala, bwe batyo batabani bo bwe balikuwasa: era ng'awasa omugole bw'asanyukira omugole, bw'atyo Katonda wo bw'alikusanyukira.
- 6 Ntadde abakuumi ku bbugwe wo, ggwe Yerusalemi; tebalisirika n'akatono emisana n'ekiro: mmwe abajjukiza ba Mukama, temuwummulanga,
- 7 so temumuganyanga kuwummula, okutuusa lw'alinyweza n'afuula Yerusalemi okuba ettendo mu nsi.
- 8 Mukama alayidde omukono gwe ogwa ddyo n'omukono ogw'amaanyi ge nti Mazima siriwaayo nate eaano yo okuba emmere y'abalabe bo; so ne bannaggwanga tebalinywa mwenge gwo gwe wakolera emirimu:
- 9 naye abaagikungula be baligirya ne batendereza Mukama; n'abo abaagunoga be baligunywera mu mpya ez'omu watukuvu wange.
- 10 Muyite, muyite mu nzigi; mulongoose ekkubo ery'abantu; mugulumize mugulumize enguudo; mulondemu amayinja; muyimusize amawanga ebendera.
- 11 Laba, Mukama alangiridde enkomerero y'ensi nti Mugambe omuwala wa Sayuuni nti Laba, obulokozi bwo bujja; laba empeera ye eri naye n'okusasula kwe kuli mu maaso ge.
- 12 Era balibayita nti Bantu batukuvu, Banunule ba Mukama: naawe oliyitibwa nti

Eyanoonyezebwa, Kibuga ekitalekebwa.

Essuula 63

- 1 Ani ono ava mu Edomu, ng'alina ebyambalo ebinnyike mu ddagala ng'ava e Bozula? ono alina engoye ez'ekitiibwa, ng'atambuza amaanyi ge amangi? Nze ayogera obutuukirivu, ow'amaanyi okulokola.
- 2 Obeeredde ki omumyufu mu byambalo byo, engoye zo ne zifaanana oyo asambira mu ssogolero?
- 3 Nsambye essogolero omu nzekka so ku mawanga tekwali n'omu eyali awamu nange: weewaawo, nabasamba mu busungu bwange ne mbalinnyirira mu kiruyi kyange n'omusaayi ogw'obulamu bwabwe gumansukidde ku byambalo byange era engoye zange zonna zijjudde amabala.
- 4 Kubanga olunaku olw'okuwalanirwako eggwanga lwali mu mutima gwange, n'omwaka ogw'abanunule bange gutuuse.
- 5 Ne mmagamaga ne wataba muyambi; ne nneewuunya obutabaawo wa kuwanirira: omukono gwange nze kyegwava gundeetera obulokozi n'ekiruyi kyange kye kyampagirira.
- 6 Ne nninnyirira amawanga wansi mu busungu bwange, ne mbatamiiza ku kiruyi kyange, ne nfuka ku ttaka omusaayi ogw'obulamu bwabwe.
- 7 Naayogera ku bikolwa bya Mukama eby'ekisa ekingi n'amatendo ga Mukama, nga byonna bwe biri by'atuwadde Mukama; n'obulungi obungi obuli eri ennyumba ya Isiraeri, bw'abawadde ng'okusaasira kwe bwe kuli era ng'olufulube bwe luli olw'ebikolwa bye eby'ekisa ekingi.
- 8 Kubanga yayogera nti Mazima be bantu bange, abaana abatalikuusakuusa: kale n'aba mulokozi waabwe.
- 9 Yabonyaabonyezebwa mu kubonyaabonyezebwa kwabwe kwonna, ne malayika ali mu maaso ge yabalokolanga: mu kwagala kwe ne mu kusaasira kwe yabanunula; n'abasitulanga n'abeetikiranga ennaku zonna ez'edda.
- 10 Naye ne bajeema ne banakuwaza omwoyo gwe omutukuvu: kyeyava akyuka okuba omulabe waabwe; n'alwana nabo ye yennyini.
- 11 Awo n'alyoka ajjukira ennaku ez'edda, Musa n'abantu be, ng'ayogera nti Ali ludda wa oyo eyabalinniyisa ng'abaggya mu nnyanja wamu n'abasumba b'endiga ze? ali ludda wa oyo eyateeka omwoyo gwe omutukuvu wakati mu bo?
- 12 eyatambuzanga omukono gwe ogw'ekitiibwa awali omukono ogwa ddyo ogwa Musa? eyayawulamu amazzi mu maaso gaabwe okwekolera erinnya eritaliggwaawo?
- 13 eyabayisa mu buziba, ng'embaalasi mu ddungu, obuteesittala?
- 14 Ng'ente bwe ziba ezikka mu kiwonvu, omwoyo gwa Mukama gwabawummuzanga bwe gutyo: bwe watwala bw'otyo abantu bo okwekolera erinnya ery'ekitiibwa.
- 15 Tunula ng'oyima mu ggulu, olabe ng'oyima mu nnyumba ey'obutukuvu bwo n'ekitiibwa kyo: buli ludda wa obunyiikivu bwo n'ebikolwa byo eby'amaanyi? okwagala kw'emmeeme yo n'okusaasira kwo kuziyizibwa gye ndi.
- 16 Kubanga gwe Kitaffe, newakubadde nga Ibulayimu tatumanyi so ne Isiraeri ga tatukkiriza: ggwe, ai Mukama, gwe Kitaffe; omununuzi waffe okuva emirembe n'emirembe lye linnya lyo.
- 17 Ai Mukama, lwaki gwe okutukyanya mu makubo go n'okakanyaza omutima gwaffe obutakutya? Komawo ku lw'abaddu bo, ebika eby'obusika bwo.
- 18 Abantu bo abatukuvu baabulina kaseera buseera kaseera buseera: abalabe baffe balinnyiridde awatukuvu wo.
- 19 Tufuuse ng'abo b'otofuganga; ng'abo abatatumibwanga linnya lyo.

Essuula 64

- 1 Singa oyuzizza eggulu, singa osse ensozi ne zikulukuta olw'okujja kwo;
- 2 ng'omuliro bwe gukwata ebisaka, ng'omuliro bwe gweseza amazzi: okutegeeza abalabe bo erinnya Iyo, amawanga gakankanire okujja kwo!
- 3 Bwe wakola eby'entiisa bye tutasuubiranga, wakka, ensozi ne zikulukuta olw'okujja wo.
- 4 Kubanga obw'edda abantu tebaawuliranga so n'okutu tekubategeezanga so n'eriiso terirabanga Katonda wabula ggwe akolera omulimu oyo amulindirira.
- 5 Osisinkana n'oyo asanyuka n'akola eby'obutuukirivu, abo abakujjukira mu makubo go: laba, wasunguwala naffe ne twonoona: obw'edda twabeeranga mu ebyo, n'okulokoka tulirokoka?
- 6 Kubanga fenna tufuuse ng'atali mulongoofu, n'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu birianga ekyambalo ekikongedde: era fenna tuwotoka ng'olulagala; n'obutali butuukirivu bwaffe bututwalira ddala ng'empewo.
- 7 So tewali asaba linnya Iyo, eyeekakaabiriza okukukwatako: kubanga otukisizza amaaso go n'otumalawo olw'obutali butuukirivu bwaffe.
- 8 Naye kaakano, ai Mukama, ggwe kitaffe; ffe tuli bbumba, naawe mubumbi waffe; naffe fenna tuli mulimu gwa mukono gwo.
- 9 Tosunguwala nnyo nnyini, ai Mukama, so tojjukira butali butuukirivu ennaku zonna: laba, tunula, tukwegayiridde, ffe fenna tuli bantu bo.
- 10 Ebibuga byo ebitukuvu bifuuse ddungu, Sayuuni kifuuse ddungu, Yerusalemi matongo.
- 11 Ennyumba yaffe entukuvu ennungi, bajjajjaffe mwe baakutendererezanga, eyokeddwa omuliro; n'ebintu byaffe byonna eby'okwesiima bifaafaaganye.
- 12 Olizibiikiriza ebyo nga bimaze okubaawo, ai Mukama olisirika n'otubonyaabonya nnyo nnyini?

Essuula 65

- 1 Mbuzibwako abo abatambuzaagako; ndabiddwa abo abatannoonyanga: nagamba nti Ndaba, ndaba, eri eggwanga eritatumibwanga linnya lyange.
- 2 Ngololedde emikono gyange okuzibya obudde abantu abajeemu abatambulira mu kkubo eritali ddungi, okugoberera ebirowoozo byabwe bo;
- 3 abantu abansunguwaza mu maaso gange olutata, nga basalira ssaddaaka mu nsuku, era nga bootereza obubaane ku matoffaali;
- 4 abatuula mu malaalo, abasula mu bifo eby'ekyama; abalya ennyama y'embizzi n'amazzi ag'emizizo gali mu bibya byabwe;
- 5 aboogera nti Yimirira wekka, tonsemerera nze kubanga nze nkusinga obutukuvu: abo gwe mukka mu nnyindo yange, omuliro ogwaka okuzibya obudde.
- 6 Laba, kiwandiikiddwa mu maaso gange: sirisirika, naye ndisasula, weewaawo, ndisasula mu kifuba kyabwe
- 7 obutali butuukirivu bwammwe mmwe n'obutali butuukirivu bwa bajjajjammwe wamu, bw'ayogera Mukama, abaayoterezanga obubaane ku asozi ne banzivooolera ku busozi: kyendiva nsooka okugera omulimu gwabwe mu kifuba kyabwe.
- 8 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Ng'omwenge omusu bwe gulabikira mu kirimba, ne wabaawo eyogera nti Tokizikiriza kubanga mulimu omukisa: bwe ntyo bwe ndikola ku lw'abaddu bange nneme okubazikiriza bonna.
- 9 Era ndiggya ezzadde mu Yakobo ne mu Yuda ndiggyamu alisikira ensozi zange: n'abalonde bange baligisikira n'abaddu bange balituula omwo.

- 10 Awo Saloni kiriba kisibo kya ndiga, n'ekiwonvu kya Akoli kiriba kifo ente we zigalamira, olw'abantu bange abannoonyezza.
- 11 Naye mmwe abaleka Mukama, aberabira olusozi lwange olutukuvu, abategekera Mukisa emmeeza, abajjuliza Kuteekawo omwenge omutabule;
- 12 nze ndibatekerawo ekitala, nammwe mwenna mulikutama okuttibwa: kubanga bwe nnayita temwayitaba; bwe nnayogera temwawulira; naye ne mukola ekyali ekibi mu maaso gange ne mulonda ekyo kye ssaasanyukira.
- 13 Kyava ayogera bw'ati Mukama Katonda nti Laba, abaddu bange balirya, naye mmwe mulirumwa njala: laba, abaddu bange balinywa, naye mmwe mulirumwa nnyonta: laba, abaddu bange balisanyuka, naye mmwe muliswala:
- 14 laba, abaddu bange baliyimba omutima gwabwe nga gusanyuse, naye mmwe mulikaaba omutima gwammwe nga gunakuwadde ne muwowoggana omwoyo gwammwe nga gulumiddwa.
- 15 Era mulirekera abalonde bange erinnya lyammwe okuba ekikolimo, era Mukama Katonda alikutta; n'atuuma abaddu be erinnya eddala:
- 16 eyeesabira omukisa mu nsi kyanaavanga yeesabira omukisa eri Katonda ow'amazima; n'oyo alayira mu nsi anaalayiranga Katonda ow'amazima; kubanga obuyinike obwasooka bwerabiddwa, era kubanga bukwekeddwa amaaso gange.
- 17 Kubanga, laba, ntonda eggulu eriggya n'ensi empya: so ebintu ebyasooka tebiri-jjukirwa so tebiriyingira mu mwoyo.
- 18 Naye musanyuke mujagulize ennaku zonna ekyo kye ntonda: kubanga, laba, ntonda Yerusaalemi okuba okusanyuka, n'abantu baamu okuba essanyu.
- 19 Era ndisanyukira Yerusaalemi ne njaguliza abantu bange: so n'eddoboozi ery'okukaaba nga terikyawulirwa omwo nate newakubadde eddoboozi ery'okulira.
- 20 Temukyavangamu mwana wa nnaku bunaku, newakubadde omukadde atannatuusa nnaku ze: kubanga omwana alifa nga yaakamaze emyaka kikumi, n'alina ebibi nga yaakamaze emyaka kikumi alikolimirwa.
- 21 Era balizimba ennyumba ne basulamu; era balisimba ensuku ez'emizabbibu ne balya ebibala byamu.
- 22 Tebalizimba omulala n'asulamu; tebalisimba omulala n'alya: kubanga ng'ennaku ez'omuti bwe ziba, bwe zityo bwe ziriba ennaku ez'abantu bange, n'abalonde bange balirwawo nga balya omulimu ogw'engalo zaabwe.
- 23 Tebalikolera bwereere mirimu so tebalizaala ba kulaba nnaku; kubanga lye zzadde ly'abo abaweewwa Mukama omukisa, n'enda yaabwe wamu nabo.
- 24 Awo olulituuka nga tebannaba kuyita ndiyitaba; era nga bakyayogera ndiwulira.
- 25 Omusege n'omwana gw'endiga binaaliiranga wamu, n'empologoma eneeryanga omuddo ng'ente: n'enfuufu ye eneebanga emmere ey'omusota. Tebiriruma so tebirizikiririza ku lusozi lwange lwonna olutukuvu, bw'ayogera Mukama.

Essuula 66

- 1 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Eggulu ye ntebe yange, n'ensi ye ntebe y'ebigere byange: nnyumba ki gye mulinzimbira? era kifo ki ekiriba ekiwummulo kyange?
- 2 Kubanga bino byonna omukono gwange gwe gwabikola, era ebyo byonna ne bibaawo bwe bityo, bw'ayogera Mukama: naye omwawu era alina omwoyo oguboneredde era akankanira ekigambo kyange ye wuuyo gwe nditunuulira.
- 3 Asala ente alianga atta omuntu; awaayo omwana gw'endiga alianga amenyako embwa obugalo; aleeta ekiweebwayo alianga aleeta omusaayi gw'embizzi; ayoteza omugavu ng'oyo asabira ekifaananyi omukisa: weewaawo, balonze amakubo gaabwe bo, n'emmeeme yaabwe esanyukira emizizo gyabwe;

- 4 era nange ndironda ebibalimbalimba, ne mbaleetako ebyo bye batya; kubanga bwe nnayita ne wataba muntu eyayitaba; bwe nnayogera tebaawulira: naye ne bakola ekyali ekibi mu maaso gange, ne balonda ekyo kye ssaasanyukira.
- 5 Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abakananira ekigambo kye: nti Baganda bammwe abaabakyawa, abaabagoba okubalanga erinnya lyange, boogedde nti Mukama aweebwe ekitiibwa tulyoke tulabe essanyu lyammwe; naye balikwatibwa ensonyi.
- 6 Eddoboozi ery'okuyooogaana eriva mu kibuga, eddoboozi eriva mu yeekaalu, eddoboozi lya Mukama asasula abalabe be empeera.
- 7 Yali nga tannalumwa n'azaala; obubalagaze bwe bwali nga tebunnatuuka n'azaala omwana wa bulenzi.
- 8 Ani eyali awulidde ekigambo ekifaanana bwe kityo? ani eyali alabye ebigambo ebifaanana bwe bityo? Ensi erizaalwa ku lunaku lumu? eggwanga liriva mu lubuto mulundi gumu? kubanga Sayuuni yali nga kyajje alumwe n'azaala abaana be.
- 9 Ndituusa okuzaalwa ne ssizaaza? bw'ayogera Mukama: nze azaaza ndiggala olubuto? bw'ayogera Katonda wo.
- 10 Musanyukire wamu ne Yerusalemi, mujaguze ku lulwe, mmwe mwenna abamwagala: musanyukire wamu naye olw'essanyu, mmwe mwenna abamukaabirira:
- 11 mulyoke muyonke mukute amabeere ge agasanyusa; mulamule mumalemu musanyukire ekitiibwa kye ekisukkirivu.
- 12 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndibunya emirembe gy'ali ng'omugga, n'ekitiibwa ky'amawanga ng'omugga ogwanjaala, nammwe muliyonkako; muliweekerwa ku mbiriizi, era mulibuusibwabuusibwa ku maviivi.
- 13 Ng'omuntu nnyina gw'asanyusa, bwe ntyo bwe ndisanyusa mmwe; ne musanyusibwa mu Yerusalemi.
- 14 Era mulikiraba n'omutima gwammwe gulijaguza n'amagumba gammwe galyera ng'omuddo omugonvu: n'omukono gwa Mukama gulimanyibwa eri abaddu be, era alisunguwalira abalabe be.
- 15 Kubanga, laba, Mukama alijja n'omuliro, n'amagaali ge galiba ng'empewo ey'akazimu; okusasula obusungu bwe n'ekiruyi, n'okunenya kwe n'ennimi ez'omuliro.
- 16 Kubanga Mukama aliwoza na muliro era na kitala kye eri bonna abalina omubiri: era Mukama b'alitta baliba bangi.
- 17 Abo abeetukuza ne beerongoosa okugenda mu nsuku, ennyuma w'omu ali wakati, nga balya ennyama embizzi n'eky'omuzizo ekyo n'omusonso; baliggweerawo wamu, bw'ayogera Mukama.
- 18 Kubanga nze mmanyi emirimu gyabwe n'ebirowoozo byabwe: ebiro bijja lwe ndikuaanya amawanga gonna n'ennimi; kale balijja ne balaba ekitiibwa kyange.
- 19 Era nditeeka akabonero mu bo, n'abo abawona ku bo ndibatuma mu mawanga, eri Talusiisi, Puuli ne Luudi, abaleega omutego, eri Tubali ne Yavani, mu bizinga ebiri ewala, abatawuliranga ttutumu lyange, so tebalabanga kitiibwa kyange; kale balibulira amawanga ekitiibwa kyange.
- 20 Awo balireeta baganda bammwe bonna nga babaggya mu mawanga gonna okuba ekiweebwayo eri Mukama, ku mbalaasi ne mu magaali ne ku nnyinyo ne ku nnyumbu ne ku nsolo ez'embiro, awali olusozi lwange olutukuvu Yerusalemi, bw'ayogera Mukama, ng'abaana ba Isiraeri bwe baleeta ekyo kye bawaayo mu kintu ekirongoofu mu nnyumba ya Mukama.
- 21 Era nditwala ne ku bo okuba bakabona n'Abaleevi, bw'ayogera Mukama.
- 22 Kubanga eggulu eriggya n'ensi empya bye ndikola bwe birisigala mu maaso gange, bw'ayogera Mukama, bwe bityo bwe birisigala ezzadde lyammwe n'erinnya lyammwe.

- 23** Awo olulituuka, okuva ku mwezi okutuusa ku mwezi, n'okuva ku ssabbiiti okutuusa ku ssabbiiti, bonna abalina omubiri banajjanga okusinziza mu maaso gange, bw'ayogera Mukama.
- 24** Kale balifuluma ne batunuulira emirambo gy'abasajja abansobezzaako: kubanga envunyu yaabwe terifa, so n'omuliro gwabwe tegulizikizibwa: era baliba kyeninyalwa eri bonna abalina omubiri.

Yeremiya

Essuula 1

- 1 Ebigambo bya Yeremiya mutabani wa Kirukiya ow'oku bakabona abaali mu Anasosi mu nsi ya Benyamini:
- 2 eyajjirwa ekigambo kya Mukama mu mirembe gya Yosiya mutabani wa Amoni, kabaka wa Yuda, mu mwaka ogw'ekkumi n'esatu ogw'okufuga kwe.
- 3 Era kyajjira ne mu mirembe gya Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda, okutuusa ku nkomerero y'omwaka ogw'ekkumi na gumu ogwa Zeddekiya mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda: okutuusa ab'e Yerusaalemi lwe baatwalibwa nga basibe mu mwezi ogw'okutaano.
- 4 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nti
- 5 Bwe nnali nga sinnakubumba mu lubuto nakumanya, era nga tonnava mu lubuto nakutukuza; nkutaddewo okuba nnabbi eri amawanga.
- 6 Awo nze ne ndyoka njogera nti Woowe, Mukama Katonda! laba, siyinza kwogera: kubanga ndi mwana muto.
- 7 Naye Mukama n'aamba nti Toyogera nti Ndi mwana muto: kubanga eri bonna gye nnaakutumanga gy'onoogendanga, era kyonna kye nnaakulagiranga ky'onooyoogeranga.
- 8 Tobatyanga: kubanga nze ndi wamu naawe okukuwonya, bw'ayogera Mukama.
- 9 Awo Mukama n'agolola omukono gwe n'akoma ku kamwa kange; Mukama n'aamba nti Laba, ntadde ebigambo byange mu kamwa ko:
- 10 laba, leero nkutaddewo okuba omukulu w'amawanga era ow'amatwale ga bakabaka, okusimbula n'okumenya n'okuzikiriza n'okusuula; okuzimba n'okusimba.
- 11 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti Yeremiya, olaba ki? Ne njogera nti Ndaba omuggo ogw'omulozi.
- 12 Awo Mukama n'aamba nti Olabye bulungi: kubanga ndabirira ekigambo kyange okukituukiriza.
- 13 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira omulundi ogw'okubiri nga kyogera nti Olaba ki? Ne njogera nti Ndaba entamu eyeesera; n'amaaso gaayo gayima obukiika obwa kkono.
- 14 Awo Mukama n'aamba nti Okuyima obukiika obwa kkono obubi bulifubutukira ku bonna abali mu nsi.
- 15 Kubanga, laba, ndiyita ebika byonna eby'amatwale ga bakabaka b'obukiika obwa kkono, bw'ayogera Mukama; era balijja ne basimba buli muntu entebe ye awayin-girirwa mu miryango gya Yerusaalemi n'okwolekera bbugwe waayo yenna enjuyi zonna n'okwolekera ebibuga byonna ebya Yuda.
- 16 Era ndyatula emisango gyange eri bo olw'obubi bwabwe bwonna; kubanga bandese ne booteza obubaane eri bakatonda abalala, ne basinza emirimu egy'engalo zaabwe bo.
- 17 Kale nno weesibe ekimyu oyimuke obagambe byonna bye nkulagira: tokeenterwanga eri bo, nneme okukukeenterera mu maaso gaabwe.
- 18 Kubanga, laba, nkufudde leero ekibuga ekiriko enkomera, era empagi ey'ekyuma, era bbugwe ow'ekikomo eri ensi yonna, eri bakabaka ba Yuda, eri abakulu baayo, eri bakabona baayo, n'eri abantu ab'omu nsi.
- 19 Era balirwana naawe; naye tebalikuwanguka: kubanga nze ndi wamu naawe, bw'ayogera Mukama, okukuwonya.

Essuula 2

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Genda oyogerere waggulu mu matu ga Yerusalemi nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Nkujjuukirira ku kisa eky'omu buto bwo, okwagala okw'okwogerezebwa kwo; bwe wangoberera mu ddungu mu nsi etaalimu bisige.
- 3 Isiraeri yali butukuvu eri Mukama, ebibala ebibereberye eby'oku kyengera kye: bonna abamulya baliyitibwa abazzizza omusango: obubi bulibatuukako, bw'ayogera Mukama.
- 4 Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe ennyumba ya Yakobo, n'ebika byonna eby'ennyumba ya Isiraeri:
- 5 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Butali butuukirivu ki bajjammwe bwe baalaba mu nze n'okugenda bagenze wala okunvaako, ne batambula okugoberera obutaliimu ne bafuuka abataliimu?
- 6 So tebayogera nti Mukama ali ludda wa eyatuggya mu nsi y'e Misiri; eyatuyisa mu lukoola, mu nsi ey'amalungu n'obunnya, mu nsi ey'ennyonta n'ey'ekisiikirize eky'okufa, mu nsi omuntu yenna gy'atayitamu, so n'omuntu yenna mw'atabeera?
- 7 Ne mbaleeta mu nsi ey'ekyengera, okulyanga ebibala byamu n'obulungi bwamu; naye bwe mwayingira ne mwonoona ensi yange, ne mufuula obusika bwange okuba omuzizo.
- 8 Bakabona tebayogera nti Mukama ali ludda wa? n'abo abatogaatoga amateeka tebamanya: era n'abakungu ne bansobya, bannabbi ne balagula ku lwa Baali ne batambula nga bagoberera ebitaliiko kye bigasa.
- 9 Kyennaava neyongera okuwoza nammwe, bw'ayogera Mukama, era ndiwoza n'abaana b'abaana bammwe.
- 10 Kubanga muwunguke mugende ku bizinga bya Kittimu mulabe; mutume e Kedali, mwetegerere nnyo; mulabe oba nga waali wabaddewo ekigambo ekyenkana awo.
- 11 Waliwo eggwanga eryawaanyisa bakatonda baabwe, abatali bakatonda naye? naye abantu bange baawaanyisa ekitiibwa kyabwe olw'ekyo ekitaliiko kye kigasa.
- 12 Samaaliririra ekyo, ggwe eggulu, otye ekitatiika, owuubaale nnyo, bw'ayogera Mukama.
- 13 Kubanga abantu bange bakoze ebibi bibiri; bandese nze oluzzi olw'amazzi amalamu, ne beesimira ebidiba, ebidiba ttanka z'omu ttaka, ebitayinza kubaamu mazzi.
- 14 Isiraeri muddu? muddu eyazaalibwa mu nnyumba? kiki ekimufudde omuyiggo?
- 15 Empologoma ento zimuwulugumiddeko ne zivuumu: ne zizisa ensi ye; ebibuga bye byokereddwa ddala awatali abituulamu.
- 16 Era abaana ba Noofu ne Tapanesi bamenye obwezinge bwo.
- 17 Teweereeseeko ekyo kubanga olese Mukama Katonda wo, bwe yakuluamiza mu kkubo?
- 18 Kale nno ofaayo ki mu kkubo erigenda e Misiri okunywa amazzi ga Sikoli? oba ofaayo ki mu kkubo erigenda e Bwasuli, okunywa amazzi ag'Omugga?
- 19 Obubi bwo ggwe bulikubuulirira, n'okuseeseetuka kwo kulikunnya: kale manya olabe nga kigambo kibi era kya bubalagaze, kubanga olese Mukama Katonda wo, era ng'entiisa yange teri mu ggwe, bw'ayogera Mukama, Mukama ow'eggye.
- 20 Kubanga obw'edda namanya ekikoligo kyo, ne nkutula ebisiba byo; n'oyogera nti Sija kuweereza; kubanga wakutama ku buli lusozi oluwamvu ne wansi wa buli muti omubisi nga weefuula omwenzi.
- 21 Era naye nali nkusimbye muzabbibu mulungi, ensigo ey'amazima ameereere: kale ofuuse otya gye ndi omuti ogwayonooneka ogw'omuzabbibu ogw'omu kibira?
- 22 Kubanga newakubadde ng'onaaba n'oluvu n'okozesa ne sabbuuni mungi, naye obutali

- butuukirivu bwo bulambiddwa mu maaso gange, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 23 Oyinza otya okwogera nti Soonoonese, siigobereranga Babaali? laba ekkubo lyo mu kiwonvu, otegeere bye wakola; oli amira ya mbiro ng'eyitaayita mu makubo gaayo;
 - 24 entulege eyamanyiira amalungu ekonga empewo nga yeegomba; mu kiseera kyayo ani ayinza okugikyusa? zonna eziginoonya teziryekooya; zinaagirabira mu mwezi gwayo.
 - 25 Ziyiza ekigere kyo oleme okuba atalina ngatto, n'omumiro gwo oleme okulakasira ennyonta; naye n'oyogera nti Tewali ssuubi nedda; kubanga njagadde bannaggwanga, era be ndigoberera.
 - 26 Omubbi nga bw'akwatibwa ensonyi bw'alabika, n'ennyumba ya Isiraeri bw'ekwati-bwa ensonyi bw'eti; bo ne bakabaka baabwe n'abakulu baabwe ne bakabona ne bannabbi baabwe;
 - 27 abagamba ekikonge nti Ggwe kitange; n'ejjinja nti Ggwe onzaala: kubanga bankubye amabega so si maaso gaabwe: naye mu biro mwe balirabira ennaku balyogera nti Golokoka otulokole.
 - 28 Naye ba katonda bo be weekoledde bali ludda wa? bo bagolokoke oba nga bayinza okukulokola mu biro mw'olabira ennaku: kubanga ebibuga byo nga bwe byenkana, ne bakatonda bo bwe benkana bwe batyo, gwe Yuda.
 - 29 Kiki ekibaagaza okuwoza nange? mwenna munsobezza, bw'ayogera Mukama.
 - 30 Abaana bammwe mbakubidde bwereere; tebaganyizza kubuulirirwa: ekitala kyammwe mmwe kimazeewo bannabbi bammwe ng'empologoma ezikiriza.
 - 31 Mmwe ab'omu mirembe gino, mulabe ekigambo kya Mukama. Naabanga ddungu eri Isiraeri? oba nsi ya kizikiza ekikutte? abantu bange ekiboogezza ki nti Tutaaluuse; tetukyajja gy'oli nate?
 - 32 Omuwala ayinza okwerabira ebibye eby'obuyonjo, oba omugole ebyambalo bye? naye abantu bange banneerabidde ennaku nnyingi ezitabalika.
 - 33 Ng'olongoosa ekkubo lyo okunoonya okwagalibwa! kyovudde oyiiriza n'abakazi ababi amakubo go.
 - 34 Era ku birenge byo kulabise omusaayi gw'emmeeme z'abaavu abataliiko musango: sigulabye mu kituli ekisimibwa wabula ku bino byonna.
 - 35 Era naye n'oyogera nti Siriiko musango; mazima obusungu bwe bukyuse okunvaako. Laba, ndiwoza naawe kubanga oyogera nti Soonoonanga.
 - 36 Otambuliratambulira ki ennyo bw'otyo okuwaayisa ekkubo lyo? era olikwatibwa ensonyi ne ku lwa Misiri, nga bwe wakwatibwa ensonyi ku lwa Bwasuli.
 - 37 Era ne gy'ali olivaayo nga weetisse emikono: kubanga Mukama agaanyi ebyo bye weesiga, so toliraba mukisa mu byo.

Essuula 3

- 1 Boogera nti Omusajja bw'agoba mukazi we, naye n'amuvaako n'aba ow'omusajja omulala, omusajja oyo alimuddira nate? ensi yo teryonooneka nnyo? Naye ggwe weefuula omwenzi eri baganzi bo bangi; era naye nzirira nate, bw'ayogera Mukama.
- 2 Yimusa amaaso go eri ensozi ez'obweru olabe; we batasulira naawe wa? Wabatuulirira ku mabbali g'ekkubo, ng'Omuwalabu mu ddungu; era wayonoona ensi n'obwenzi bwo n'obubi bwo.
- 3 Empandaggirize kyezivudde ziziyizibwa, so tewabaddeewo ttoggo; era naye n'oba n'ekyenyi eky'omwenzi, wagaana okukwatibwa ensonyi.
- 4 Tonkaabirenga okuva leero nti Kitange, ggwe musaale w'obuto bwange?
- 5 Aliguguba n'obusungu bwe emirembe gyonna? aliremera mu bwo okutuusa enkomerero? Laba, wayogera n'okola ebighambo ebibi, n'okwata ekkubo lyo ggwe.
- 6 Era nate Mukama n'aambira mu mirembe gya Yosiya kabaka nti Olabye ekyo Isiraeri

eyaseeseetuka ky'akoze? alinye ku buli lusozi oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi, ne yeefuulira eyo omwenzi.

- 7 Ne njogera bwe yamala okukola ebyo byonna nti Alinzirira; naye n'atadda: ne mwannyina ow'enkwe Yuda n'akiraba.
- 8 Ne ndaba, bwe nnamala okugoba Isiraeri eyaseeseetuka ne mmuwa ebbaluwa ey'okumugoba olw'ensonga eno kubanga ayenze, era naye Yuda ow'enkwe mwannyina n'ataty; naye era naye n'agenda ne yeefuula omwenzi.
- 9 Awo olwatuuka kubanga mwangu okwenda ensi n'eyonooneka, n'ayenda ku mayinja n'ebikonge.
- 10 Era naye ebyo byonna newakubadde nga bimaze okubaawo, mwannyina ow'enkwe Yuda tanziridde n'omutima gwe gwonna, naye ng'akuusakuusa, bw'ayogera Mukama.
- 11 Awo Mukama n'aamba nti Isiraeri eyaseeseetuka yeeraze okuba omutuukirivu okukira Yuda ow'enkwe.
- 12 Genda olangire ebigambo bino ng'otunuulira obukiika obwa kkono, oyogere nti Komawo, ggwe Isiraeri eyaseeseetuka, bw'ayogera Mukama; siibatunuulire n'obusungu: kubanga nnina okusaasira, bw'ayogera Mukama, siriguguba na busungu emirembe gyonna.
- 13 Kyokka kkiriza obutali butuukirivu bwo, nga wasobya Mukama Katonda wo, n'osaasaanyiza amakubo go abagenyi wansi wa buli muti omubisi, so temwagondera ddooboozi lyange, bw'ayogera Mukama.
- 14 Komawo, mmwe abaana abadda ennyuma, bw'ayogera Mukama; kubanga nze bbammwe: era ndibatwala nga nziya omu ku kibuga n'ababiri ku kika, ne mbaleeta e Sayuuni:
- 15 era ndibawa abasumba ng'omutima gwange bwe guli abalibaliisa n'okumanya n'okutegeera.
- 16 Awo olulituuka bwe muliba nga mwaze era nga mweyongedde mu nsi, kale mu biro ebyo, bw'ayogera Mukama, nga tebakayogera nti Essanduuko ey'endagaano ya Mukama; so teriyingira mu mwoyo gwabwe; so tebaligijjukira; so tebaligikyalira; so tebalikola nate bwe batyo.
- 17 Mu biro ebyo baliyita Yerusaalemi entebe ya Mukama; n'amawanga gonna galikuaanyizibwa eyo, eri erinnya lya Mukama e Yerusaalemi: so tebalitambula nate ng'obukakanyavu bw'omutima gwabwe omubi bwe buli.
- 18 Mu biro ebyo ennyumba ya Yuda eritambulira wamu n'ennyumba ya Isiraeri, era baliviira wamu mu nsi ey'obukiika obwa kkono ne bayingira mu nsi gye nnawa bajjaj-jammwe okuba obusika.
- 19 Naye ne njogera nti Ndikuteeka ntya mu baana, ne nkuwa ensi ey'essanyu, obusika obulungi mu ggye ly'amawanga? ne njogera nti Mulimpita nti Kitange; so temulikyuka obutangoberera.
- 20 Mazima omukazi nga bw'ava ku bba ng'asala olukwe, bwe mutyo nammwe bwe munsalidde enkwe, mmwe ennyumba ya Isiraeri, bw'ayogera Mukama.
- 21 Eddoboozi liwuliddwa ku nsozi ez'obweru, okukaaba n'okwegayirira kw'abaana ba Isiraeri; kubanga banyodde ekkubo lyabwe, beerabidde Mukama Katonda waabwe.
- 22 Mukomeewo, mmwe abaana abaseeseetuse, naawonya okuseeseetuka kwammwe. Laba, tuzze gy'oli; kubanga ggwe Mukama Katonda waffe.
- 23 Mazima okubeerwa okusuubirwa okuva ku nsozi kwa bwereere, oluyoogaano oluli ku nsozi: mazima mu Mukama Katonda waffe mwe muli obulokozi bwa Isiraeri.
- 24 Naye ekyo ekikwasa ensonyi kye kimazeewo emirimu gya bajjajjaffe okuva mu buto bwaffe; embuzi zaabwe n'ente zaabwe, batabani baabwe n'abawala baabwe.
- 25 Tugalamire ensonyi nga zitukutte, okuswala kwaffe kutubikkeko: kubanga twonoonye

Mukama Katonda waffe, ffe ne bajjajjaffe okuva mu buto bwaffe ne leero: so tetugonderanga ddooboozi lya Mukama Katonda waffe.

Essuula 4

- 1 Bw'onokkiriza okukomawo, ggwe Isiraeri, bw'ayogera Mukama, eri nze gy'olidda: era bw'onoggyawo emizizo gyo mu maaso gange, kale tolijjulukuka;
- 2 awo olirayiranga nti Mukama nga bw'ali omulamu mu mazima ne mu musango ne mu butuukirivu; n'amawanga ganeesabiranga omukisa mu ye, era mu ye mwe baneenyu-miririzanga.
- 3 Kubanga bw'atyo Mukama bw'agamba abasajja ba Yuda ne Yerusaalemi nti Mukabale ettaka lyammwe eritali ddime, so temusiganga mu maggwa.
- 4 Mwekomole eri Mukama, muggyewo ebikuta eby'emitima gyammwe, mmwe abasajja ba Yuda n'abali mu Yerusaalemi: ekiruyi kyange kireme okufuluma ng'omuliro ne kyokya ne wataba ayinza okukizikiza olw'obubi obw'ebikolwa byammwe.
- 5 Mulangirire mu Yuda, mulaalike mu Yerusaalemi; mwogere nti Mufuuwe ekkondeere mu nsi; mwogerere waggulu mwogere nti Mukuaane, tuyingire mu bibuga ebiriko enkomera.
- 6 Musimbe ebendera okwolekera Sayuuni: mudduke muwone, temulwawo: kubanga ndireeta obubi obuliva obukiika obwa kkono n'okuzikiriza okunene.
- 7 Empologoma erinnye okuva mu kisaka kyayo, era omuzikiriza w'amawanga; akutte ekkubo, avudde mu kifo kye; okuzisa ensi yo, ebibuga byo babizise obutabaamu abibeeramu.
- 8 Olwekyo mwambale ebibukutu, mukungubage muwowoggane: kubanga ekiruyi kya Mukama tekikyuse okutuvaako.
- 9 Awo olutituuka ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama, omutima gwa kabaka gulizikirira, n'omutima gw'abakulu; ne bakabona balisamaalirira ne bannabbi balyewuunya.
- 10 Awo ne ndyoka njogera nti Woowe, Mukama Katonda! mazima olimbye nnyo eggwanga lino ne Yerusaalemi ng'oyogera nti Muliba n'emirembe; naye ekitala kituuka ku mmeeme.
- 11 Mu biro ebyo baligamba eggwanga lino ne Yerusaalemi nti Embuyaga ez'olubugumu eziva ku nsozi ez'obweru mu ddungu ezoolekera omuwala w'abantu bange, si za kuwujja so si za kulongoosa;
- 12 embuyaga nnyingi eziva ku ezo zirijja ku lwange: kaakano nange naayogera emisango ku bo.
- 13 Laba, alirinnya ng'ebire, n'amagaali ge galiba ng'empewo ez'akazimu: embalaasi ze za mbiro okukira empungu. Zitusanze! kubanga tunyagiddwa.
- 14 Ai Yerusaalemi, naaza omutima gwo guggweemu obubi, olyoke oloko. Ebirowoozo byo ebibi birituusa wa okubeera mu nda yo?
- 15 Kubanga eddoozi lirangirira nga liyima e Ddaani, era liraalika obubi nga liyima ku nsozi za Efulayimu:
- 16 mubuulire amawanga; laba, mulaalike eri Yerusaalemi ng'abakuumi bava mu nsi ey'ewala ne balangirira ebibuga bya Yuda n'eddoozi lyabwe.
- 17 Bakyetoolodde enjuyi zonna ng'abakuuma ennimiro; kubanga kyanjeemera, bw'ayogera Mukama.
- 18 Ekkubo lyo n'ebikolwa byo bye bikufunidde ebyo; buno bwe bubu bwo; kubanga bwa bubalagaze, kubanga butuuka ne ku mutima gwo.
- 19 Emmeeme yange, emmeeme yange! omutima gwange gunnuma munda mwennyini; omutima gwange gweraliikiridde mu nze; siyinza kusirika; kubanga owulidde, ai

emmeeme yange, eddoboosi ly'ekkondeere, nga liraye.

- 20 Okuzikirizibwa okuli kungulu w'okuzikirizibwa kulangirirwa; kubanga ensi yonna enyagiddwa: eweema zange zinyagiddwa nga simanyiridde, n'amagigi gange mu kaseera kamu.
- 21 Ndituusa wa okulaba ebendera ne mpulira eddoboosi ly'ekkondeere?
- 22 Kubanga abantu bange basirusiru, tebammenyi; biwowongole bya baana, so tebalina kutegeera: ba magezi mu kukola obubi, naye mu kukola obulungi tebalina kumanya.
- 23 Nalaba ensi, era, laba, nga njereere nga yeetabuddetabudde; n'eggulu nga temuli musana.
- 24 Nalaba ensozi, era, laba, nga zikankana, obusozi bwonna ne buyuuguuma eruuyi n'eruyi.
- 25 Natunula, era, laba, nga tewali muntu, n'ennyonyi zonna ez'omu bbanga nga zidduse.
- 26 Natunula, era, laba, ennimiro eimu nga zifuuse nkoola, n'ebibuga byamu byonna nga bimenyesemenyese, olw'okujja kwa Mukama ne mu maaso g'ekiruyi kye.
- 27 Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Ensi yonna eriba nsiko; naye sirikomekkerereza ddala.
- 28 Ensi kyeriva ewuubaala, n'eggulu eriri waggulu liriddugala: kubanga nze nkyogedde, nkimaliridde, so sejjusizza, so siridda nnyuma okukireka.
- 29 Ekibuga kyonna kidduka olw'okuyooogaana kw'abo abeebagadde embalaasi n'ab'emitego; bayingira mu bisaka, ne balinnya ku mayinja buli kibuga kirekeddwa, so tewali muntu atuula omwo.
- 30 Naawe bw'olinyagibwa olikola otya? Newakubadde ng'oyambala olugoye olut-wakaavu, newakubadde nga weeyonja n'ebintu ebya zaabu, newakubadde ng'ogaziya amaaso go nga weesiigako eddagala, weefuulira bwereere omulungi: baganzi bo bakunyooma, banoonya obulamu bwo.
- 31 Kubanga mpulidde eddoboosi ng'ery'omukazi alumwa okuzaala, obubalagaze obuli ng'obwoyo azaala omwana we omubereberye, eddoboosi ly'omuwala wa Sayuuni alaakiira, ayanjala engalo ze ng'ayogera nti Zinsanze kaakano! kubanga emmeeme yange ezirika mu maaso g'abassi.

Essuula 5

- 1 Muddukane eruuyi n'eruyi mu nguudo ez'e Yerusaalemi, mulabe nno, mumanye, munoonyeze mu bifo byamu ebigazi oba nga munaayinza okulaba omuntu, oba nga waliwo n'omu akola eby'ensonga, anoonya amazima; kale naakisonyiwa.
- 2 Era ne bwe boogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu, mazima balayira bya bulimba.
- 3 Ai Mukama, amaaso go tegatunuulira mazima? obakubye, naye ne batanakuwala; obamazeewo, naye bagaanyi okubuulirirwa: bakakanyazizza amaaso gaabwe okukira olwazi; bagaanyi okudda.
- 4 Awo ne njogera nti Mazima bano baavu: basirusiru; kubanga tebammenyi kkubo lya Mukama newakubadde omusango gwa Katonda waabwe:
- 5 neengendera eri abakulu ne njogera nabo; kubanga bo bamanyi ekkubo lya Mukama, n'omusango gwa Katonda waabwe. Naye abo bamenye ekikoligo n'omwoyo gumu ne bakutula ebisiba.
- 6 Empologoma eva mu kibira kyeriva ebatta, omusege ogw'ekiro gulibanyaga, engo eriteegera mu bibuga byabwe, buli muntu ava omwo anaataagulwataagulwanga: kubanga okusobya kwabwe kungi n'okuseeseetuka kwabwe kweyongedde.
- 7 Nnyinza ntya okukusonyiwa? abaana bo banvuddeko, ne balayira abo abatali bakatonda: bwe nabaliisa okukkuta ne bayenda, ne bakuaanira ku nnyumba z'abakazi ab'enzi ebibiina.

- 8 Baali ng'embalaasi ezaaliisibwa enkya: buli muntu ng'abebera mukazi wa munne.
- 9 Siribonereza olw'ebyo? bw'ayogera Mukama: era emmeeme yange teriwalana ggwanga ku ggwanga erifaanana bwe lityo?
- 10 Mulinye ku bbugwe waakyo, muzikirize; naye temukomekkerereza ddala: muggy-eewo amatabi gaakyo: kubanga si ga Mukama.
- 11 Kubanga ennyumba ya Isiraeri n'ennyumba ya Yuda bankuusizzakuusizza nnyo nnyini, bw'ayogera Mukama.
- 12 Beegaanyi Mukama ne boogera nti Si ye; so obubi tebulitujjira; so tetuliraba kitala ewakubadde enjala:
- 13 ne bannabi balifuuka mpewo, so n'ekigambo tekiri mu bo: bwe balikolebwa bwe batyo.
- 14 Mukama Katonda ow'egye kyava ayogera nti Kubanga mwogera ekigambo ekyo, laba, ndifuula ebigambo byange mu kamwa ko okuba omuliro n'abantu bano kuba enku, era gulibookya.
- 15 Laba, ndireeta ku mmwe eggwaga eririva ewala, mmwe ennyumba ya Isiraeri, bw'ayogera Mukama: ggwanga lya maanyi, ggwanga lya dda, eggwanga ly'otomanyi-iko olulimi lwalyo so totegeera bye boogera.
- 16 Omufuko gwabwe ntaana eyasaamiridde, bonna basajja ba maanyi.
- 17 Era balirya ebikungulwa byo n'emmere yo, batabani bo ne bawala bo bye bandiridde: balirya embuzi zo n'ente zo: balrya emizabbibu gyo n'emitiini gyo: balimenyaamenya n'ekitala ebibuga byo ebiriko enkomera bye weesiga.
- 18 Era naye ne mu biro ebyo, bw'ayogera Mukama, sirikomekkerereza dala gye muli.
- 19 Awo olulituuka bwe mulyogera nti Mukama Katonda waffe kiki ekimukozezza ffe ebyo byonna? kale n'olyoka obagamba nti Nga mmwe bwe munvuddeko ne muweereza bakatonda bannaggwanga mu nsi yammwe, bwe mutyo bwe munaaweereezanga bannaggwanga mu nsi eteri yammwe.
- 20 Mubuulirire kino mu nnyumba ya Yakobo, mukirangirire mu Yuda, nti
- 21 Muwulire nno kino, mmwe abantu abasirusiru era abatalina kutegeera; abalina amaaso ne mutalaba; abalina amatu ne mutawulira:
- 22 temuntya? bw'ayogera Mukama: temuukankanire kujja kwange, eyateeka omusenyu okuba ensalo y'ennyanya olw'ekiragiro ekitaliggwaawo, n'okuyinza n'eteyinza kugusukkako? era amayengo gaayo ne bwe geesuukunda, naye tegayinza kuwangula; ne bwe gawuuma, naye tegayinza kugusukkako.
- 23 Naye abantu bano balina omutima omuwaganyavu era omujeemu; bajeemye bagenze.
- 24 So teboogera mu mutima gwabwe nti Tutye nno Mukama Katonda waffe awa enkuba, ddumbi ne ttoggo, mu ntuuko zaayo; atuterekerera sabbiiti ez'ebikungulwa ezaateekewawo.
- 25 Obutali butuukirivu bwammwe bwe busindise ebyo, n'ebibi byammwe bye bibaziyriza ebirungi.
- 26 Kubanga mu bantu bange mulabika abasajja ababi: balabirira ng'abatezi b'ennyonyi bwe batega; batega omutege, bakwasa bantu.
- 27 Ng'ekiguli bwe kijjula ennyonyi, ennyumba zaabwe bwe zijjula bwe zityo obulimba: kyebavudde bafuuka abakulu ne bagaggawala.
- 28 Bagezze, banyiridde: weewaawo, basukkiriza ebikolwa eby'obubi: tebalowooza nsonga, ensonga y'atalina kitaawe, balyoke balabe omukisa; so tebasalira baavu musango gwabwe.
- 29 Siribonereza olw'ebyo? bw'ayogera Mukama: emmeeme yange teriwalana ggwanga ku ggwanga erifaanana bwe lityo?
- 30 Ekigambo eky'ekitalo era eky'ekivve kituukiridde mu nsi;
- 31 bannabbi balagula bya bulimba, ne bakabona bafuga ku lw'abo; n'abantu bange

baagala kibeere bwe kityo: era mulikola ki ku nkomerero y'ebyo?

Essuula 6

- 1 Mudduke olw'okuwona, mmwe abaana ba Benyamini, muve wakati mu Yersaalemi, mufuuyire ekkondeere e Tekowa, musimbe akabonero ku Besukakkeremu: kubanga obubi butunula nga buyima obukiika obwa kkono n'okuzikirira okunene.
- 2 Oyo omulungi omwekanasi, omuwala wa Sayuuni, ndimuzikiriza.
- 3 Abasumba balijja gy'ali nga balina ebisibo byabwe; balisimba eweema zaabwe okumwolekera enjuyi zonna; baliriira buli muntu mu kifo kye ye.
- 4 Mwetegeke okulwana naye; muyimuke tulinye mu ttuntu. Zitusanze! kubanga obudde bukka, kubanga ebisiikirize eby'akawungeezi byenudde.
- 5 Muyimuke twambuke kiro, tuzikirize amayumba ge.
- 6 Kubanga Mukama w'eggye ayogedde bw'ati nti Muteme emiti mutuume entuumo ku Yersaalemi: ekibuga ekyo kye kigenda okubonerezebwa; kyonna kujooga kwereere wakati mu kyo.
- 7 Ng'oluzzi bwe lukulukuta amazzi gaalwo, bwe kityo bwe kikulukuta obubi bwakyo: ekyejo n'okunyaga biwulirwa mu kyo; endwadde n'ebiwundu biba mu maaso gange bulijjo.
- 8 Yiga ggwe Yersaalemi, emmeeme yange ereme okwawukana naawe; nneme okukufula amatongo, ensi omutali muntu.
- 9 Bw'atyo bw'ayogera Mukama w'eggye nti Baliyerera ddala abalisigala ku Isiraeri ng'omuzabbibu: zza nate omukono gwo ng'omunozi w'ezabbibu mu bibbo.
- 10 Ani gwe mba njogera naye ne mba omujulirwa, balyoke bawulire? laba, okutu kwabwe si kukomole, so tebayinza kuwuliriza: laba, ekigambo kya Mukama kifuuse gye bali ekivume; tebakisanyukira n'akamu.
- 11 Kyenvudde njijula ekiruyi kya Mukama; nkooye okuzibiikiriza: kiyiwe ku baana abato mu luguudo ne ku kkuaaniro ly'abavubuka wamu: kubanga ne bba wamu n'omukazi alikwatibwa, omukadde wamu n'oyo awezezza ennaku ennyingi.
- 12 N'ennyumba zaabwe zirifuuka za balala, ennimiro zaabwe n'abakazi baabwe wamu: kubanga ndigolola omukono gwange ku abo abali mu nsi, bw'ayogera Mukama.
- 13 Kubanga okuva ku muto mu bo okutuuka ku mukulu mu bo buli muntu wa mululu; era okuva ku nnabbi okutuuka ku kabona buli muntu alyazaamaanya.
- 14 Era bawonyezza ekiwundu ky'abantu bange kungulu kwokka, nga boogera nti Mirembe, mirembe; so emirembe nga tewali.
- 15 Baakwatibwa ensanyi bwe baamala okukola eby'emizizo? nedda, tebaakwatibwa nsanyi n'akatono, so tebaayinza kumyusa amaaso: kyebaliva bagwira mu abo abagwa: mu kiseera mwe ndibajjirira mwe balisuulirwa, bw'ayogera Mukama.
- 16 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Muyimirire mu makubo mulabe, mubuuze amakubo ag'edda, oluguudo olulungi gye luli, mutambulire omwo, kale mulirabira emmeeme zammwe ekiwummulo: naye ne boogera nti Tetuutambulire omwo.
- 17 Ne mbateekako abakuumi ne boogera nti Muwulirize eddoboosi ly'ekkondeere; naye ne boogera nti Tetuuwulirize.
- 18 Kale muwulire, mmwe amawanga, mumanye, mmwe ab'ekkuaaniro, ebiri mu bo.
- 19 Wulira, ggwe ensi: laba, nditeeta akabi ku bantu bano, bye bibala by'ebirowoozo byabwe, kubanga tebawulidde bigambo byange; n'amateeka gange bagagaanyi.
- 20 Omugavu oguva e Seeba gujjira ki gye ndi, n'emmulu ez'akaloosa eziva mu nsi ey'ewala? Bye muwaayo ebyokebwa tebikkirizika gye ndi, so ne ssaddaaka zammwe tebinsanyusa.
- 21 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Laba, nditeeka enkonge mu maaso g'abantu bano:

ne bakitaabwe ne batabani baabwe wamu balizeesittalako; muliraanwa we ne mukwano gwe balizikirira.

- 22 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Laba, waliwo eggwanga eriva mu nsi ey'obukiika obwa kkono, era eggwanga ekkulu liriyimuka okuva ku nkomerero z'ensi.
- 23 Bakwata omutego n'effumu; bakambwe so tebalina kusaasira; eddoozi lyabwe liwuuma ng'ennyanja, era beebagala embalaasi; buli muntu ng'atala, ng'omusajja bw'atalira olutalo, okulwana naawe, ai omuwala wa Sayuuni.
- 24 Tuwulidde ettutumu lyalyo; emikono gyaffe ne ginafuwala: obubalagaze butukutte n'okulumwa ng'omukazi alumwa okuzaala.
- 25 Temufulumanga mu ttale, so temutambuliranga mu kkubo; kubanga eriyo ekitala eky'omulabe n'entiisa enjuyi zonna.
- 26 Ai omuwala w'abantu bange, weesibe ebibukutu, weekulukuunye mu vvu: kungubaga ng'akungubagira mutabani we omu yekka, nga weesaasaabaga nnyo nnyini; kubanga omunyazi alitujjira nga tetumanyiridde.
- 27 Nkufudde kigo era lukomera mu bantu bange; olyoke omanyane okeme ekkubo lyabwe.
- 28 Bonna bajeemu abatalabwa, nga batambula nga bawayiriza; bikomo era byuma: bonna bakola eby'obukyamu.
- 29 Emivubo gifuuwa n'amaanyi; omuliro gumalawo lisasi: beeyongerera bwereere okulongoosa; kubanga ababi tebasimbulibwawo.
- 30 Masengere ga ffeeza, abantu bwe balibayita bwe batyo, kubanga Mukama abasudde.

Essuula 7

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya ekyava eri Mukama nga kyogera nti
- 2 Yimirira mu mulyango gw'ennyumba ya Mukama, olangirire eyo ekigambo kino, oyogere nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe mwenna aba Yuda, abayingira mu miryango gino okusinza Mukama.
- 3 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Mulongoose amakubo gammwe n'ebikolwa byammwe, nange ndibatuuzza mu kifo kino.
- 4 Temwesiganga bigambo bya bulimba nti Bino ye yeekaalu ya Mukama, ye yeekaalu ya Mukama.
- 5 Kubanga bwe munaalongoosezanga ddala amakubo gammwe n'ebikolwa byammwe; bwe munaatuukirizanga ddala emisango eri omuntu ne munne;
- 6 bwe mutaajoogenga mugenyi n'atalina kitaawe ne nnamwandu, so temuuyiwenga musaayi ogutaliiko musango mu kifo kino, so temuutambulenga okugobereranga bakatonda abalala, okwerumyanga mmwe bennyini:
- 7 kale ndibatuuzza mu kifo kino mu nsi gye nnawa bajjammwe obw'edda bwonna okutuusa emirembe gyonna.
- 8 Laba, mwesiga ebigambo eby'obulimba ebitayinza kugasa.
- 9 Munabbanga, ne mutta, ne muyenda, ne mulayira eby'obulimba, ne mwoteza obubaane eri Baali, ne mutambula okugoberera bakatonda abalala be mutamanyanga,
- 10 ne mujja ne muyimirira mu maaso gange mu nnyumba eno erituumibwa erinnya lyange, ne mwogera nti Tuwonyezebbwa; mulyoke mukole emizizo egyo gyonna?
- 11 Ennyumba eno etuumibwako erinnya lyange efuuse empuku y'abanyazi mu maaso gammwe? Laba, nze, nze mwene, nkirabye, bw'ayogera Mukama.
- 12 Naye mugende nno mu kifo kyange ekyali mu Siiro, gye nnatuuzza erinnya lyange olubereberye, mulabe kye nnakikola olw'obubi bw'abantu bange Isiraeri.
- 13 Era kaakano kubanga mukoze ebikolwa ebyo byonna, bw'ayogera Mukama; ne njogera nammwe, nga ngolokoka mu makya ne njogera, naye ne mutawulira; ne mbayita naye ne mutayitaba:

- 14 kyendiva nkola ennyumba eyitibwa erinnya lyange; gye mwesiga, n'ekifo kye nnawa mmwe ne bajjajammwe, nga bwe nnakola Siiro.
- 15 Era ndibasuula okuva mu maaso gange, nga bwe nnasuula baganda bammwe bonna, ezzadde lyonna erya Efulayimu.
- 16 Kale tosabiranga bantu bano so tobayimusizanga kukaaba newakubadde okusaba, so tonneegayiriranga okuwolereza, kubanga siikuwulire.
- 17 Tolabye bye bakola mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yersaalemi?
- 18 Abaana batyaba enku, bakitaabwe ne bakuma omuliro, abakazi ne bagoya obutta okufumbira kabaka w'eggulu omukazi emigaati, n'okufukira bakatonda abalala ebiweebwayo eby'okunywa balyoke bansunguwaze.
- 19 Basunguwaza nze? bw'ayogera Mukama tebesunguwaza bo bennyini, okuswaza amaaso gaabwe bo?
- 20 Mu kama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, obusungu bwange n'ekiruyi kyange birifukibwa ku kifo kino, ku bantu ne ku nsolo ne ku miti egy'omu ttale ne ku bibala eby'ettaka; era bulibuubuuka so te bulizikizibwa.
- 21 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri nti Mwongere bye muwaayo ebyokebwa ku ssaddaaka zammwe, mulye ennyama.
- 22 Kubanga saayogera ne baajjammwe so saabalagira ku lunaku kwe nnabaggira mu nsi y'e Misiri eby'ebiweebwayo ebyokebwa newakubadde ssaddaaka:
- 23 naye ekigambo kino kye nnabaagira nti Muwulirenga eddoozi lyange, nange naabanga Katonda wammwe, nammwe munaabanga bantu bange: era mutambulirenga nu kkubo lye mbalagira, mulyoke mube bulungi.
- 24 Naye ne batawulira so tebaatega kutu kwabwe, naye ne batambulira mu kuteesa kwabwe bo ne mu bukakanyavu bw'omutima gwabwe omubi, ne badda ennyuma so tebeeyongerera mu maaso.
- 25 Okuva ku lunaku bajjajammwe kwe baaviira mu nsi ey'e Misiri ne leero, nabatumira abaddu bange bonna bannabbi, buli lunaku nga ngolokoka mu makya ne mbatuma:
- 26 era naye ne batampulira so tebaatega kutu kwabwe, naye ne bakakanyaza ensingo yaabwe: baakola obubi okukira bajjajjaabwe.
- 27 Era obagambanga ebigambo bino byonna; naye tebaakuwulirenga; era obakoowoolanga, naye tebaakuyitabenga.
- 28 Era obagambanga nti Lino lye ggwanga eritawulidde ddoozi lya Mukama Katonda waabwe, so tebakkirizza kuyigirizibwa: amazima gafudde, gazikiridde okuva mu kamwa kaabwe.
- 29 Sala enviiri zo ggwe Yersaalemi, ozisuule wala, otanule okukungubagira ku nsozi ez'obweru; kubanga Mukama asudde abantu ab'omu mirembe egy'obusungu bwe, abaleseeoyo.
- 30 Kubanga abaana ba Yuda bakoze ebiri mu maaso gange ebibi, bw'ayogera Mukama: batadde emizizo gyabwe mu nnyumba eyitibwa erinnya lyange, okugyonoona.
- 31 Era bazimbye ebifo ebigulumivu eby'e Tofesi ekiri mu kiwonvu ekya mutabani wa Kinomu, okwokya batabani baabwe ne bawala baabwe mu muliro; kye ssiragiranga so tekyayingira mu mutima gwange.
- 32 Kale, laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe kitaliyitibwa nate nti Tofesi newakubadde nti Kiwonvu kya mutabani Kinomu, wabula nti Kiwonvu kya ttambiro: kubanga baliziika mu Tofesi okutuusa lwe watalibaawo bbanga lya kuziikamu.
- 33 N'emirambo gy'abantu bano giriba mmere ya nnyonyi ez'omu bbanga n'ensolo ez'omu nsi; so tewaliba alizisaggula.
- 34 Awo ne ndyoka nkomya mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yersaalemi eddoozi ery'ebinyumu n'eddoozi ery'essanyu, eddoozi ly'awasa omugole n'eddoozi ly'omugole: kubanga ensi erifuuka nsiko.

Essuula 8

- 1 Mu biro ebyo, bw'ayogera Mukama, baliggya amagumba ga bassekabaka ba Yuda n'amagumba g'abakungu be n'amagumba ga bakabona n'amagumba ga bannabbi n'amagumba g'abo abali mu Yerusaalemi mu malaalo gaabwe.
- 2 Kale baligaaliira mu maaso g'enjuba n'omwezi n'eggye lyonna ery'omu ggulu, bye baayagalanga, era bye baaweerezanga, era bye baagobereranga mu kutambula kwabwe, era bye baanoonyanga, era bye baasinzanga: tegalikuaanyizibwa so tegalizi-ikibwa; galiba busa ku maaso g'ettaka.
- 3 Era okufa kulyagalibwa okusinga obulamu eri bonna abafisseewo abasigalawo ku kika kino ekibi, abasigalawo mu bifo byonna gye nnabagobera, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 4 Era nate obagambanga nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Abantu baligwa ne batayimuka nate? omuntu alikyama n'atadda?
- 5 Kale abantu bano ab'omu Yerusaalemi kiki ekibazzizza ennyuma nga baseeseetuka obutayosa? banywezezza obulimba, bagaanyi okudda.
- 6 Nawuliriza ne mpulira, naye tebaayogera bya nsonga: tewali muntu eyeenenya obubi bwe ng'ayogera nti Nkoze ki? buli muntu akyukira mu lugendo lwe ng'embalaasi efubutukira mu lutalo.
- 7 Weewaawo, kasida ow'omu ggulu amanyi ebiseera bye ebyalagirwa; ne kaa-mukuukulu n'akataayi ne ssekanyolya zirabirira ekiseera mwe zijjira; naye abantu bange tebamanyi kiragiwo kya Mukama.
- 8 Mwogera mutya nti Tulina amagezi, n'amateeka ga Mukama gali naffe? Naye, laba, ekkalaamu ey'obulimba ey'abawandiisi ewandiise ebitali bya mazima.
- 9 Abagezigezi bakwatiddwa ensonyi, bakeentererwa, bawambiddwa: laba, bagaanyi ekigambo kya Mukama; era magezi ki agali mu bo?
- 10 Kyendiva mbawa abalala bakazi baabwe n'ennimiro zaabwe eri abo abalizirya: kubanga buli muntu, omuto era n'omukulu, wa mululu, nnabbi era ne kabona, buli muntu alyazaamaanya.
- 11 Era bawonyezza ekiwundu eky'omuwala w'abantu bange kungulu kwokka nga boogera nti Mirembe, mirembe; so nga emirembe tewali.
- 12 Baakwatibwa ensonyi bwe baamala okukola eky'omuzizo? nedda, tebaakwatibwa nsonyi n'akatono, so tebaayinza kumyusa amaaso: kyebaliva bagwa mu abo abagwa: mu biro mwe balijirwa mwe balimeggerwa, bw'ayogera Mukama.
- 13 Ndibamalirawo ddala, bw'ayogera Mukama: ku muzabbibu tekuliba zabbibu, newakubadde ettiini ku mutiini, n'amalagala galiwotoka; n'ebintu bye nnabawa birib-avaako.
- 14 Kiki ekitutuuzza obutuuzza? mukuaane, tusingire mu bibuga ebiriko enkomera, tusirikire eyo: kubanga Mukama Katonda waffe atusirisizza, era atunywezezza amazzi ag'omususa, kubanga twayonoona Mukama. Twasuubira emirembe, naye ne wataba birungi ebyajja; twasuubira ebiro eby'okuwonyezebwamu, era, laba, okukeentererwa!
- 15 Twasuubira emirembe, naye ne wataba birungi ebyajja; twasuubira ebiro eby'okuwonyezebwamu, era, laba, okukeentererwa!
- 16 Okufugula kw'embalaasi ze kuwuliddwa ng'oyima e Ddaani: olw'eddoboozi ery'okukaaba kw'ensolo ze ez'amaanyi ensi yonna ekankana; kubanga zizze, era ziridde ensi ne byonna ebigirimu; ekibuga n'abo abakituulamu.
- 17 Kubanga, laba, ndisindika emisota, amasalambwa, agatalogeka; era galibaluma, bw'ayogera Mukama.
- 18 Woowe, singa nnyinza okwesanyusa mu buyinike! omutima gwange guweddemu amaanyi munda yange.

- 19 Laba, eddoozi ery'okwogerera waggulu okw'omuwala w'abantu bange eriva mu nsi eri ewala ennyo nti Mukama tali mu Sayuuni? Kabaka waakyo tali mu kyo? Lwaki bo okunsunguwazanga n'ebifaananyi byabwe ebyole n'ebirerya ebiggya?
- 20 Ebikungulwa biwedde, ekyeya kiyise, naffe tetulokose.
- 21 Kubanga omuwala w'abantu bange afumitiddwa ekiwundu, nange nfumitiddwa ekiwundu: nzirugadde; okusamaalirira kunkutte.
- 22 Teri ddagala mu Gireyaadi? teri musawo eyo? kale kiki ekirobedde omuwala w'abantu bange okuwona?

Essuula 9

- 1 Omutwe gwange singa gubadde mazzi, n'amaaso gange singa luzzi lwa maziga, nkaabirenga emisana n'ekiro abo abattiddwa ab'omuwala w'abantu bange!
- 2 Singa mbadde n'ekisulo eky'abatambuze mu ddungu; ndeke abantu bange mbaveeko! kubanga bonna benzi, ekibiina eky'abasajja ab'enkwe.
- 3 Era banaanuula olulimi lwabwe ng'omutego gwabwe olw'okulimba; era bafuuse ba maanyi mu nsi, naye si lwa mazima: kubanga baava mu bubi okweyongera mu bubi, so tebammanyi nze, bw'ayogera Mukama.
- 4 Mwekuumenga buli muntu munne, so temwesiganga wa luganda yenna: kubanga buli ow'oluganda aliriira ddala muganda we, na buli munne alitambulatambula ng'awaayiriza.
- 5 Era balirimba buli muntu munne, so tebalyogera bya mazima: bayigirizza olulimi lwabwe okwogera eby'obulimba; beekooya nga bakola ebitali bya butuukirivu.
- 6 Ekifo ky'obeeramu kiri wakati mu bulimba; olw'obulimba kyebava bagaana okumanya, bw'ayogera Mukama.
- 7 Mukama w'eggye kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndibasaanuusa ne mbakema; kubanga nandikoze ntya olw'omuwala w'abantu bange?
- 8 Olulimi lwabwe kasaale akatta; lwogera eby'obulimba: wabaawo ayogera ne munne eby'emirembe n'akamwa ke, naye amuteega mu mutima gwe.
- 9 Siribabonereza olw'ebyo? bw'ayogera Mukama: emmeeme yange teriwalana ggwanga ku ggwanga erifaanana bwe lityo?
- 10 Nditanula okukaaba amaziga n'okukungubaga olw'ensozi, n'okwesaasaabaga olw'amalundiro ag'omu ddungu, kubanga gookeddwa, ne wataba ayitamu; so n'abantu tebawulira kuooa kwa nte; ennyonyi ez'omu bbanga era n'ensolo zidduse, zigenze.
- 11 Era ndifuula Yerusaalemi okuba ebifunvu, ekisulo eky'ebibe; era ndifuula ebibuga bya Yuda okuba amatongo awatali abituulamu.
- 12 Omugezigezi ye ani ayinza okutegeera kino? era ani oyo akamwa ka Mukama gwe koogedde naye, akinnyonnyole? ensi ebulidde ki n'eggya ng'eddungu, ne wataba ayitamu?
- 13 Era Mukama ayogera nti Kubanga balese amateeka gange ge nnateeka mu maaso gaabwe so tebagondedde ddoozzi lyange so tebatambulidde omwo;
- 14 naye ne batambula ng'obukakanyavu bwe buli obw'omutima gwabwe bo n'okugoberera Babaali bajjajjaabwe be baabayigiriza:
- 15 Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndibaliisa abantu bano abusinso ne mbanywesa amazzi ag'omususa:
- 16 Era ndibasaasaananyiza mu mawanga, ge batamanyanga bo newakubadde bajjajjaabwe: era ndisindika ekitala okubagoberera okutuusa lwe ndimala okubazikiriza.
- 17 Bw'atyo bw'ayogera Mukama w'eggye nti Mulowooze, muyite abakazi abakungubazi, bajje; era mutumye abakazi abakabakaba, bajje;

- 18 era banguwe batanule okutukubira ebiwoobe, amaaso gaffe gakulukute amaziga, n'ebikowe byaffe bitiiriike amazzi.
- 19 Kubanga eddoozi ery'ebiwoobe liwulirwa nga liva mu Sayuuni nti Nga tunyagid-dwa! tuswadde nnyo, kubanga twaleka ensi, kubanga basudde ennyumba zaffe.
- 20 Naye muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abakazi, n'okutu kwammwe kukkirize ekigambo eky'omu kamwa ke, muyigirize abawala bammwe okukuba ebiwoobe, na buli muntu ayigirize munne okukungubaga.
- 21 Kubanga okufa kulinye mu bituli byaffe, kuyingidde mu mayu gaffe; okumalawo abaana ebweru, n'abalenzi mu nguudo.
- 22 Mwogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Emirambo gy'abasajja girigwa ng'obusa ku ttale ebweru, era ng'ekinywa ekiri ennyuma w'omukunguzi, so tewaliba aligirona.
- 23 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Omugezigezi teyeenyumirizanga olw'amagezi ge, so n'ow'amaanyi teyeenyumirizanga olw'amaanyi ge so n'omugagga teyeenyumirizanga olw'obugagga bwe:
- 24 naye eyeenyumiriza yeenyumirizanga olwa kino, ng'ategeera era ng'amanyi nze nga ndi Mukama akola eby'ekisa n'eby'ensonga n'eby'obutuukirivu mu nsi: kubanga ebyo bye nsanyukira, bw'ayogera Mukama.
- 25 Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndibonereza abo bonna abakomolwa mu butakomolwa bwabwe.
- 26 Misiri ne Yuda ne Edomu n'abaana ba Amoni ne Mowaabu ne bonna abamwa oluge, ababeera mu ddungu: kubanga amawanga gonna si makomole, n'ennyumba yonna eya Isiraeri si bakomole mu mutima gwabwe.

Essuula 10

- 1 Muwulire ekigambo Mukama ky'abagamba, mmwe ennyumba ya Isiraeri:
- 2 bw'ati bw'ayogera Mukama nti Temuyiganga kkubo lya mawanga, so temweraliikiriranga bubonero bwa mu ggulu; kubanga amawanga gabweraliikirira.
- 3 Kubanga empisa ez'amawanga teziriiko kye zigasa: kubanga wabaawo omu atema omuti mu kibira, omulimu ogw'emikono gy'omukozi n'embazzi.
- 4 Baguyonja ne ffeeza ne zaabu; bagukomerera n'enna n'ennyondo gulemenga okusagaasagana.
- 5 Bifaanana olukoma oluliko enjola so tebyogera: tebirema kusitulibwa kubanga tebiy-inza kutambula. Temubityanga; kubanga tebiyinja kukola bubi so n'okukola obulungi tekuli mu byo.
- 6 Tewali afaanana ggwe, ai Mukama; ggwe mukulu, n'erinnya lyo kkulu mu buyinza.
- 7 Ani atandikutidde, ai Kabaka w'amawanga? kubanga kukugwanira ggwe: kubanga mu bagezigezi bonna ab'amawanga ne mu kitiibwa kyabwe kyonna ekya bakabaka temuli akufaanana ggwe.
- 8 Naye bo bonna wamu bali ng'ensolo, basirusiru: okuyigiriza kw'ebifaananyi kisiki busiki.
- 9 Waliwo ffeeza eyaweesebwa okuba ey'empewere eyaggibwa e Talusiisi, ne zaabu eyava e Yufazi, omulimu ogwa fundi, n'ogw'emikono gy'omuweesi wa zaabu; kaniki n'olugoye olw'effulungu okuba ebyambalo byabyo; byonna mulimu gwa basajja abakabakaba.
- 10 Naye Mukama ye Katonda yennyini ow'amazima; oyo ye Katonda omulamu, era Kabaka ataggwaawo: ensi ekankana olw'obusungu bwe, so n'amawanga tegayinza kugumiikiriza kunyiiga kwe.
- 11 Bwe muti bwe muba mubaganba nti Bakatonda abatakola ggulu na nsi, abo balibula

mu nsi n'okuva wansi w'eggulu.

- 12 Yakola ensi olw'obuyinza bwe, yanyweza ebintu byonna olw'amagezi ge, era yabamba eggulu olw'okutegeera kwe:
- 13 bw'aleeta eddoozi lye, ne waba oluyoogaano alw'amazzi mu ggulu, era alinnyisa emikka okuva ku nkomerero z'ensi; akolera enkuba enjota, era aggya embuyaga mu mawanika ge.
- 14 Buli muntu afuuse ng'ensolo, so talina kumanya; buli muweesi wa zaabu ensonyi zimukwata olw'ekifaananyi kye ekyole: kubanga ekifaananyi kye ekisaanuuse bulimba, so temuli mukka mu byo.
- 15 Tebiriiko kye bigasa, mulimu gwa bulimba: biribulira mu biro mwe birijjirirwa.
- 16 Omugabo gwa Yakobo tegufaanana ebyo; kubanga oyo ye mubumbi wa byonna; era Isiraeri kye kika eky'obusika bwe: Mukama w'eggye lye linnya lye.
- 17 Kuaanya eby'obuguzi bwo obiggye mu nsi, ggwe atuula mu kibuga ekizingizibwa.
- 18 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndivuumuula abatuula mu nsi okubaggyamu mu biro bino, era ndibasaasanya, balumibwe.
- 19 Zinsanze olw'ekiwundu kyange! ekiwundu kyange kinnuma nnyo: naye ne njogera nti Mazima buno bwe buyinike bwange, era kiwanira okubugumiikiriza.
- 20 Eweema yange enyagiddwa, n'emigwa gyange gyonna gikutuse: abaana bange banvuddemu, so tebaliiwo: tewakyali wa kubamba weema yange, newakubadde ow'okusimba amagigi gange.
- 21 Kubanga abasumba bafuuse ng'ensolo, so tebabuuzizza Mukama: kyebavudde balema okulaba omukisa, n'embuzi zaabwe zonna zisaasaanye.
- 22 Eddoboozi ery'ekigambo kye babuulira, laba, lijja, n'okusasamala okunene okuva mu nsi ey'obukiika obwa kkono, okufuula ebibuga bya Yuda amatongo, ekisulo eky'ebibe.
- 23 Ai Mukama, mmanyi ng'ekukubo ery'omuntu teriri mu ye yennyini: tekiri mu muntu atambula okuluamyanga ebigere bye.
- 24 Ai Mukama, ombuulire, naye mpola; si lwa busungu bwo oleme okunzikiriza.
- 25 Fukira ddala ekiruyi kyo ku b'amawanga abatakumanyi, ne ku bika ebitakoowoola linnya lyo: kubanga balidde Yakobo, weewaawo, bamulidde, bamumazeewo, bazisizza ekifo kye mw'abeera.

Essuula 11

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya ekyava eri Mukama nti
- 2 Muwulire ebigambo eby'endagaano eno, era mugambe abasajja ba Yuda n'abo abali mu Yerusaalemi;
- 3 obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Omusajja akolimirwe atawulira bigambo bya ndagaano eno,
- 4 gye nnalagirira bajjajjammwe ku lunaku kwe nnabaggira mu nsi y'e Misiri, mu kikoomi eky'ekyuma, nga njogera nti Mugonderenga eddoboozi lyange mubikolenga nga byonna bwe biri bye mbalagira: bwe mutyo bwe munaabanga abantu bange, nange naabanga Katonda wammwe:
- 5 ndyoke nnywezenga ekirayiro kye nnalayirira bajjajjammwe, okubawa ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki nga leero. Awo ne ndyoka nziramu ne njogera nti Amiina, ai Mukama.
- 6 Awo Mukama n'aamba nti Langirira ebigambo bino byonna mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yerusaalemi ng'oyogera nti Muwulire ebigambo eby'endagaano eno mubikole.
- 7 Kubanga nategeereza ddala bajjajjammwe ku lunaku kwe nnabaggira mu nsi y'e

Misiri ne leero, nga ngolokoka mu makya era nga ntegeeza, nga njogera nti Mugondere eddoozi lyange.

- 8 Naye ne batagonda so tebaatega kutu kwabwe, naye ne batambulira buli muntu mu bukakanyavu bw'omutima gwabwe omubi: kyennava mbaleetako ebigambo byonna eby'endagaano eno, gye nabalagira okukolanga, naye ne batabikola.
- 9 Awo Mukama n'aamba nti Okwekobaana kulabise mu basajja ba Yuda ne mu abo abali mu Yersaalemi.
- 10 Bakyuse okudda mu butali butuukirivu bwa bajajjaabwe abaagaana okuwulira ebigambo byange; era bagoberedde bakatonda abalala okubaweerezanga: ennyumba ya Isiraeri n'ennyumba ya Yuda bamenye endagaano yange gye nnalagaana ne bajajjaabwe.
- 11 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndibaleetako obubi bwe bataliyinza kuwona; era balinkaabirira, naye siribawuliriza.
- 12 Awo ebibuga bya Yuda n'abo abali mu Yersaalemi baligenda ne bakaabirira bakatonda be bootereza obubaane: naye tebalibalokolera n'akamu mu biro mwe balabira ennaku.
- 13 Kubanga ebibuga byammwe bwe byenkana obungi, ne bakatonda bo bwe benkana bwe batyo, ai Yuda; era ng'enguudo ez'e Yersaalemi bwe zenkana obungi, bwe musimbide bwe mutyo ebyoto ekintu ekikwasa ensonyi, ebyoto eby'okwoterezan-gako obubaane eri Baali.
- 14 Kale ggwe tosabiranga bantu bano, so tobayimusizanga kukaaba newakubadde okusaba: kubanga siribawulirira mu biro mwe balinkaabirira olw'ennaku ze balabye.
- 15 Muganzi wange afaayo ki mu nnyumba yange, kubanga akoze eby'obukaba n'abangi, n'omubiri omutukuvu gukuvuddeko? bw'okola obubi lw'osanyuka.
- 16 Mukama yakutuuma erinnya nti Omuzeyituuni ogwera, omulungi nga guliko ebibala ebirungi: n'eddoozi ery'oluyoogaano olunene agukumyeko omuliro, n'amatabi gaagwo gamenyese.
- 17 Kubanga Mukama w'eggye eyakusimba akwogeddeko obubi, olw'obubi obw'ennyumba ya Isiraeri n'obw'ennyumba ya Yuda bwe beekolera nga bansunguwaza olw'okwotereza Baali obubaane.
- 18 Awo Mukama n'akimanyisa ne nkimanya: kale n'olyoka ondaga ebikolwa byabwe.
- 19 Naye nali ng'omwana gw'endiga omuwombeefu ogutwalibwa okuttibwa; so saamanya nga bansalidde enkwe, nga boogera nti Tuzikirize omuti wamu n'ebibala byagwo, tumuzikirize mu nsi ey'abalamu, erinnya lye baleme okulijjukira nate.
- 20 Naye, ai Mukama w'eggye, asala emisango egy'ensonga, akema emmeeme n'omutima ndabe eggwanga ly'oliwalana ku bo: kubanga ggwe ntegeezezza ensonga yange.
- 21 Mukama kyava ayogera bw'ati eby'abasajja aba Anasosi abanoonya obulamu bwo nga boogera nti Tolaguliranga mu linnya lya Mukama, omukono gwaffe guleme okukutta:
- 22 Mukama w'eggye kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndibabonereza: abavubuka balifa kitala; batabani baabwe ne bawala baabwe balifa njala;
- 23 so tebaliba na balifikkawo: kubanga ndireeta obubi ku basajja aba Anasosi, gwe mwaka mwe balijjirirwa.

Essuula 12

- 1 Oli mutuukirivu, ai Mukama, bwe mpoza naawe: naye era nandibadde ne kye nkunnyonnyolayoko: ekkubo ery'ababi lirabira ki omukisa? batereerera ki abo bonna abalimbimba ennyo?
- 2 Wabasimba, weewaawo, basimbye emmizi; bamera, weewaawo, babala ebibala: oli kumpi mu kamwa kaabwe, oli wala n'emmeeme yaabwe.

- 3 Naye ggwe, ai Mukama, ommanyi; ondaba n'okema omutima gwange bwe gufaanana gy'oli: basike ng'endiga ez'okusalibwa, obategekere olunaku olw'okuttirako.
- 4 Ensi erituusa wa okuwuubaala, n'emiddo egy'omu nsi yonna ne giwotoka? olw'obubi bw'abo abagirimu ensolo kyeziva zimalibwawo, n'ennyonyi; kubanga bayogera nti Taliraba nkomerero yaffe ya luvannyuma.
- 5 Oba ng'oddukidde wamu n'abatambula n'ebigere ne bakukooyesa, kale oyinza otya okuwakana n'embalaasi? era newakubadde nga weegolodde mu nsi ey'emirembe, naye olikola otya mu malala ga Yoludaani?
- 6 Kubanga era ne baganda bo n'ennyumba ya kitaawo, era nabo bakulimbyelimbye; era nabo balangirizza ennyuma wo: tobakkirizanga ne bwe bakugamba ebighambo ebirungi.
- 7 Ndese ennyumba yange, nsudde obusika bwange; mpaddeyo oyo emmeeme yange gw'eyagala ennyo nnyini mu mukono gw'abalabe be.
- 8 Obusika bwange bufuuse gye ndi ng'empologoma mu kibira: ayimusizza eddoboosi lye ku nze; kyenvudde mmukyawa.
- 9 Obusika bwange buli gye ndi ng'ennyonyi eyigga ey'amabala? ennyonyi eziyigga zimulumbye enjuyi zonna? mugende mukuaanye ensolo zonna ez'omu nsiko, muzireete zirye.
- 10 Abasumba bangi boonoonye olusuku lwange olw'emizabbibu, balinnyiridde omugabo gwange n'ebigere, omugabo gwange ogusanyusa bagufudde ddungu omutali muntu.
- 11 Bagufudde matongo; guwuubaala gye ndi nga gulekeddwayo; ensi yonna efuuse matongo, kubanga tewali muntu agissaako mwoyo.
- 12 Abanyazi batuuse ku nsozi zonna ez'obweru mu ddungu: kubanga ekitala kya Mukama kirya okuva ku nkomerero y'ensi okutuuka ku nkomerero y'ensi: tewali kintu ekirina omubiri ekirina emirembe.
- 13 Basiga eaano, bakungudde amaggwa; beerumya bo bennyini, so tebaliiko kye bagasizza: era mulikwatibwa ensonyi olw'ebibala byammwe olw'ekiruyi kya Mukama.
- 14 Bw'ati bw'ayogera Mukama eri baliraanwa bange bonna ababi abakoma ku busika bwe nasisa abantu bange Isiraeri nti Laba, ndibasimbula mu nsi yaabwe, era ndisimbula ennyumba ya Yuda wakati mu bo.
- 15 Awo olulituuka bwe ndiba nga mmaze okubasimbula, ndikomawo ne mbakwatirwa ekisa; era ndibakomyawo buli muntu mu busika bwe na buli muntu mu nsi y'ewaabwe.
- 16 Awo olulituuka bwe balinyiikira okuyiga amakubo g'abantu bange, okulayira erinnya lyange nti Nga Mukama bw'ali omulamu; era nga bwe baayigirizanga abantu bange okulayira Baali; kale balizimbibwa wakati mu bantu bange.
- 17 Naye bwe batalikkiriza kuwulira, awo ndisimbula eggwanga eryo, nga nsimbula era nga ndizikiriza, bw'ayogera Mukama.

Essuula 13

- 1 Bw'ati Mukama bwe yaamba nti Genda weegulire olukoba lw'eddiba, weesibe mu kiwato kyo, so tolunnyaika mu mazzi.
- 2 Awo ne nneegulira olukoba, ng'ekigambo bwe kyali ekya Mukama; ne ndwesiba mu kiwato kyange.
- 3 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira omulundi ogw'okubiri nga kyogera nti
- 4 Ddira olukoba lwe wagula oluli mu kiwato kyo, ogolokoke ogende ku Fulaati, olukisize eyo mu bunnya obw'omu lwazi.
- 5 Awo ne enda ne ndukwekera ku Fulaati, nga Mukama bwe yandagira.
- 6 Awo olwatuuka ennaku nnyingi nga ziyiseewo Mukama n'aamba nti Golokoka ogende

- ku Fulaati oggyeyo olukoba lwe nnakulagira okulukisiza eyo.
- 7 Awo ne enda ku Fulaati ne nsima ne nziya olukoba mu kifo mwe nnali ndukisirizza: kale, laba, olukoba nga lwonoonese, nga teruliiko kye lugasa.
 - 8 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
 - 9 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Bwe ntyo bwe ndyoonona amalala ga Yuda n'amalala amangi aga Yerusaalemi.
 - 10 Abantu bano ababi abagaana okuwulira ebigambo byange, abatambulira mu bukakanyavu bw'omutima gwabwe, era bagoberedde bakatonda abalala okubaweerezanga n'okubasinzanga, balibeerera ddala ng'olukoba luno olutaliiko kye lugasa.
 - 11 Kuba olukoba nga bwe lwegatta n'ekiwato ky'omuntu, bwe ntyo bwe nneegasse nange ennyumba yonna eya Isiraeri n'ennyumba yonna eya Yuda, bw'ayogera Mukama; balyoke babeerenga gye ndi eggwanga era erinnya era ettendo era ekitiibwa: naye ne batayagala kuwulira.
 - 12 Kyoliva obagamba ekigambo kino nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri nti Buli kita kirijjula omwenge nabo balikugamba nti Tetumanyi nga buli kita kirijjula omwenge.
 - 13 Awo n'olyoka obagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndijjuza obutamivu bonna abali mu nsi eno, bakabaka abatuula ku ntebe ya Dawudi, ne bakabona ne bannabbi, ne bonna abali mi Yerusaalemi.
 - 14 Era ndibatandagira omuntu ne munne, bakitaabwe ne batabani baabwe wamu, bw'ayogera Mukama: sirisaasira so sirisonyiwa so sirikwatibwa kisa, nneme okubazikiriza.
 - 15 Muwulire, mutege amatu; temuba na malala: kubanga Mukama ayogedde.
 - 16 Mumuwe Mukama Katonda wammwe ekitiibwa, nga tannaleeta kizikiza era ng'ebigere byammwe tebinnaba kwesittalira ku nsozi ez'ekizikiza; era nga bwe musubira omusana, n'agufuula ekisiikirize eky'okufa n'aguddugaza okuba ekizikiza ekikutte.
 - 17 Naye bwe mutalikiriza kuwulira emmeene yange erikaaba amaziga kyama olw'amalala gammwe; n'amaaso gange galikaaba nnyo amaziga, ne gakulukuta amaziga, kubanga ekisibo kya Mukama kikwatiddwa.
 - 18 Gamba kabaka ne nnamasole nti Mwetoowaze mutuule wansi; kubanga ebiremba byammwe bikkakanye, engule ey'ekitiibwa kyammwe:
 - 19 Ebibuga eby'obukiika obwa ddyo biggaddwawo, so tewali wa kubiggulawo: Yuda atwaliddwa yenna nga musibe; yenna atwaliddwa ddala nga musibe.
 - 20 Muyimuse amaaso gammwe mulabe abo abava obukiika obwa kkono: ekisibo kye waweebwa kiri ludda wa, ekisibo kyo ekirungi?
 - 21 Olyogera otya, bw'alikuteekako mikwano gyo okuba omutwe, kubanga ggwe kennyini ggwe wabayigiriza okukukola obubi? obuyinike tebulikukwata ng'omukazi alumwa okuzaala?
 - 22 Era bw'onooyogerera mu mutima gwo nti Ebigambo bino binjijiridde lwaki? olw'obutali butuukirivu bwo kubanga bungu, ebirenge byo kyebivudde bibikkulwako, n'ebis-inziro byo bigirirwa ekyejo.
 - 23 Omuwesiopya ayinza okuwaanyisa omubiri gwe, oba ngo amabala gaayo? kale nammwe muyinza okukola obulungi abaamanyiira okukola obubi.
 - 24 Kyendiva mbasaasanya ng'ebisasiro ebivaawo olw'embuyaga ez'omu ddungu.
 - 25 Kano ke kalulu ko, omugabo gwe nnakugerera, bw'ayogera Mukama; kubanga wanneerabira ne weesiga obulimba.
 - 26 Nange kyendiva mbikkula ku birenge byo ku maaso go, n'ensonyi zo zirirabika.
 - 27 Nalaba emizizo gyo, obwenzi bwo n'okubebera kwo, obukaba obw'okwenda kwo, ku nsozi ez'omu ttale. Zikusanze, ai Yerusaalemi toyagala kulongoosebwa; ebyo birituusa

wa okubaawo nate?

Essuula 14

- 1 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Yeremiya ekyayogera ku kyanda bwe kiri.
- 2 Yuda awuubaala, n'enzigi zaayo ziyongobera, batuula ku ttaka nga bambadde ebid-dugala; n'okukaaba kwa Yerusalemi kulinnye.
- 3 N'abakungu baabwe batuma abaana baabwe abato emugga: batuuka ku binnya, ne batasangamu mazzi; baddayo ensuwa zaabwe nga njereere: ensonyi zibakwata, baswala, babikka ku mitwe gyabwe.
- 4 Olw'ettaka eryatise, kubanga enkuba tetonnyanga mu nsi, abalimi kyebava bakwati-bwa ensonyi, babikka ku mitwe gyabwe.
- 5 Weewaawo, n'empeewo eri ku ttale ezaala, n'ereka omwana gwayo olw'obutabaawo muddo.
- 6 N'entulege ziyimirira ku nsozi ez'obweru, ziwejjera wejjera empewo ng'ebibe; amaaso gaazo gaziba olw'obutabaawo bimera.
- 7 Obutali butuukirivu bwaffe newakubadde nga butulumiriza, kola omulimu olw'erinnya lyo, ai Mukama: kubanga okudda kwaffe ennyuma kungi; twakwonoona.
- 8 Ai, ggwe essuubi lya Isiraeri, amulokolera mu biro eby'okulabiramu ennaku, wandibeeredde ki ng'omuyise mu nsi, era ng'omutambuze akyama okukeesa obudde?
- 9 Wandibeeredde ki ng'omuntu asamaaliridde, ng'omusajja ow'amaanyi atayinza kulokola? era naye ggwe, ai Mukama, oli wakati mu ffe, naffe tutuumiddwa erinnya lyo; totuleka.
- 10 Bw'ati Mukama bw'agamba abantu bano nti Bwe batyo bwe baayagalanga okuwaba; teba ziyizanga bigere byabwe: Mukama kyava alema okubakkiriza; kaakano anajjukira obutali butuukirivu bwabwe, era anaabonereza ebibi byabwe.
- 11 Awo Mukama n'aamba nti Tosabira bantu bano baweebwe ebirungi.
- 12 Bwe banaasiibanga, siiwulirenga kukaaba kwabwe; era bwe banaawangayo ebiweeb-wayo ebyokebwa n'ebitone, siibakkirizenga: naye ndibazikiriza n'ekitala n'enjala ne kawumpuli.
- 13 Awo ne ndyoka njogera nti Woowe, Mukama Katonda! laba, bannabbi babagamba nti Temuliraba kitala so temuliba na njala; naye ndibawa emirembe egy'enkalakkalira mu kifo kino.
- 14 Awo Mukama n'alyoka aamba nti Bannabi balagulira eby'obulimba mu linnya lyange: saabalagira so saayogera nabo: babalagula okwolesebwa okw'obulimba n'obulaguzi n'ekigambo ekitaliimu n'obukuusa obw'omu mutima gwabwe bo.
- 15 Mukama kyava ayogera bw'ati ebya bannabbi abalagulira mu linnya lyange so saabatuma, naye ne boogera nti Ekitala n'enjala tebiriba mu nsi eno: nti Ekitala n'enjala bye birizikiza bannabbi abo.
- 16 N'abantu be balagula balisuulibwa mu nguudo ez'e Yerusalemi olw'enjala n'ekitala; so tebaliba na balibaziika, bo ne bakazi baabwe newakubadde batabani baabwe newakubadde bawala baabwe: kubanga ndifuka ku bo obubi bwabwe.
- 17 Era olibagamba ekigambo kino nti Amaaso gange gakulukute amaziga emisana n'ekiro so galeme okulekayo; kubanga omuwala w'abantu bange atamanyi musajja awaguddwamu ekituli kinene, ekiwundu kibi nnyo nnyini.
- 18 Bwe nnaafuluma mu ttale, kale, laba, abattiddwa n'ekitala era bwe nnaayingira mu kibuga, kale, laba, abo abalwadde olw'enjala kubanga nnabbi era ne kabona batambulira mu nsi so tebalina kumanya.
- 19 Ogaanidde ddala Yuda? emmeeme yo etamiddwa Sayuuni? otufumitidde ki, so tewali ddagala lya kutuwonya? Twasuubiranga emirembe, naye ne wataba birungi

ebyajjanga; n'ebiro eby'okuwonyezebwamu, kale, laba, okukeentererwa.

- 20 Ai Mukama, tuukiriza obubi bwaffe n'obutali butuukirivu bwa bajjajjaffe: kubanga twakwonona.
- 21 Totutamwa olw'erinnya lyo; tovumisa ntebe ya kitiibwa kyo: jjukira, tomenya ndagaano gye walagaana naffe.
- 22 Mu birerya by'ab'amawanga mulimu ebiyinda okutonnyesa enkuba? oba eggulu liyinda okuleeta empandaggirize? si ggwe wuuyo, ai Mukama Katonda waffe? kyetu-naavanga tukulindirira ggwe; kubanga ggwe wabikola ebyo byonna.

Essuula 15

- 1 Awo Mukama n'alyoka aamba nti Musa ne Samwiri newakubadde nga bayimiridde mu maaso gange, era emmeeme yange teyandiyinzizza kutunuulira bantu bano: bagobe mu maaso gange, baveewo.
- 2 Awo olulituuka bwe balikugamba nti Tunadda wa nga tuvuddewo? kale n'obagamba nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Ab'okuttibwa bagende eri okuttibwa; n'ab'ekitala eri ekitala; n'ab'enjala eri enjala; n'ab'okusibibwa eri okusibibwa.
- 3 Era ndibatekerawo engeri nnya, bw'ayogera Mukama: ekitala okutta, n'embwa okutaagula, n'ennyonyi ez'omu bbanga, n'ensolo ez'omu nsi, okulya n'okuzikiriza.
- 4 Era ndibawaayo okuyugumizibwa eruuyi n'eruyi mu bwakabaka bwonna obw'ensi, olwa Manase mutabani wa Keezeekiya kabaka wa Yuda olw'ekyo kye yakolera mu Yerusalemi.
- 5 Kubanga ani alikusaasira, ggwe Yerusalemi? oba ani alikukungubagira? oba ani alikyama okubuuza ebifa gy'oli?
- 6 Oanyi, bw'ayogera Mukama, ozze ennyuma; kyenvudde nkugololerako omukono gwange ne nkuzikiriza; nkooye okwejjusa.
- 7 Era n'abawujjira n'ekiwujjo mu miryango egy'ensi: mbaggyeeko abaana, nzikirizza abantu bange; tebaddanga okuva mu makubo gaabwe.
- 8 Bannamwandu baabwe beeyongedde gye ndi okusinga omusenyu ogw'ennyanja: ndeese ku bo ku nnyina w'abalenzi omunyazi mu ttuntu: mugwisizzaako obubalagaze n'ebitiisa nga tamanyiridde.
- 9 Eyazaala omusanvu ayongobera; atadde obulamu; enjuba ye egudde nga bukyali bwa misana; akwatiddwa ensanyi, aswadde: n'abalifikkawo ku bo ndibagabula eri ekitala mu maaso g'abalabe baabwe, bw'ayogera Mukama.
- 10 Zinsanze, nnyabo, kubanga wanzaala nga ndi musajja wa nnyombo era ow'empaka eri ensi zonna siwolanga lwa magoba, so n'abantu tebampolanga lwa magoba; naye buli muntu ku bo ankolimira,
- 11 Mukama yayogera nti Mazima ndikuwa amaanyi olw'obulungi; mazima ndikwegayiriza omulabe mu biro eby'okulabiramu ennaku ne mu biro eby'okubonyaabonyezebwamu.
- 12 Omuntu ayinza okumenya ekyuma, ekyuma ekiva obukiika obwa kkono, n'ekikomo?
- 13 Ebintu byo n'obugagga bwo ndibiwaayo okuba omunyago awatali muwendo, olw'ebibi byo byonna, mu nsalo zo zonna.
- 14 Era ndibiyisa wamu n'abalabe bo okugenda mu nsi gy'otomanyi: kubanga omuliro gukutte olw'obusungu bwange ogulibaakirako.
- 15 Ai Mukama, ggwe omanyi: njjukira onjjire, ompalanire eggwanga ku abo abanjiganya; tonzigirawo ddala olw'okugumiikiriza kwo: manya nga nvumiddwa okunnanga ggwe.
- 16 Ebigambo byo byalabika ne mbirya; n'ebigambo byo byali gye ndi ssanyu n'okusanyuka kw'omutima gwange: kubanga ntuumiddwa erinnya lyo, ai Mukama Katonda

ow'eggye.

- 17 Saatuula mu kkuaaniro ly'abo ab'ebinyumu, so saasanyuka: natuula nzekka olw'omukono gwo; kubanga onjjuzizza okunyiiga.
- 18 Obulumu bwange bubeerera ki obw'olubeerera, n'ekiwundu kyange kibeerera ki ekitawonyezeka, ekigaana okulogebwa? kazzi oliba gye ndi ng'akagga akalimba, ng'amazzi agaggwaawo?
- 19 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Bw'olikomawo, kale ndikuzza olyoke oyimirire mu maaso gange; era bw'olyawula eby'omuwendo omungi okubiggya mu ebyo ebitagasa, oliba ng'akamwa kange: balidda gy'oli naye ggwe toddanga gye bali.
- 20 Era ndikufuula eri abantu bano bbugwe ow'ekikomo aliko enkomera; era balirwana naawe, naye tebalikuwangula: kubanga nze ndi wamu naawe okukulokola n'okukuwonya, bw'ayogera Mukama.
- 21 Era ndikuwonya mu mukono gw'ababi, era ndikununula okukuggya mu mukono gw'ab'entiisa.

Essuula 16

- 1 Era ekigambo kya Mukama ne kijja gye ndi nga kyogera nti
- 2 Towasanga mukazi, so tozaalira baana ba bulenzi newakubadde ab'obuwala mu kifo kino.
- 3 Kubanga Mukama bw'ayogera bw'ati eby'abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala abazalirwa mu kifo kino n'ebya bannyaabwe ababazaala n'ebya bakitaabwe ababazaalira mu nsi muno, nti
- 4 Balifa bubu; tebalikungubagirwa so tebaliziikibwa; baliba ng'obusa ku maaso g'ettaka: era balimalibwawo n'ekitala n'enjala n'emirambo gyabwe giriba mmere ya nnyonyi ez'omu bbanga era ya nsolo ez'omu nsi.
- 5 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Toyongira mu nnyumba mwe bakungubagira, so togenda kukuba biwoobe, so tobakaabira: kubanga nziye emirembe gyange ku bantu bano, bw'ayogera Mukama, mbaggyeeko ekisa n'okusaasira okulungi.
- 6 Abakulu era n'abato balifiira mu nsi eno: tebaliziikibwa so n'abantu tebalibakungubagira, so tebalyesala so tebalibeemwerera:
- 7 so abantu tebalibabegera mmere nga babakaabira, okubakubagiza olw'abafu; so abantu tebalibawa kikompe kya kusanyusa okunywa olwa kitaabwe oba olwa nnyaabwe.
- 8 So toliyingira mu nnyumba mwe baliira embaga, okutuula nabo, okulya n'okunywa.
- 9 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Laba, ndikomya mu kifo kino mu maaso gammwe nammwe nga mukyali balamu, eddoozi ery'ebinyumu n'eddoozi ery'okusanyuka, eddoozi eryawasa omugole n'eddoozi ly'omugole.
- 10 Awo olulituuka bw'olitegeeza abantu bano ebigambo bino byonna, bo ne bakugamba nti Kiki ekyogezezza Mukama obubi buno bwonna obunene eri ffe? oba atulanga ki? oba kyonoono ki kye twonoonye Mukama Katonda waffe?
- 11 kale n'olyoka obagamba nti Kubanga bajjajjammwe banvaako, bw'ayogera Mukama, ne batambula okugoberera bakatonda abalala ne babaweerera ne babasinza ne bava ku nze, so tebaakwata mateeka gange;
- 12 nammwe mwakola bubu okusinga bajjajjammwe; kubanga, laba, mutambula buli muntu ng'obukakanyavu bw'omutima gwe omubi bwe buli n'okuwulira ne mutampulira
- 13 kyendiva mbagoba mu nsi eno okugenda mu nsi gye mutamanyanga, mmwe newakubadde bajjajjammwe; era munaaweererezanga eyo bakatonda abalala emisana

n'ekiro; kubanga siribalaga kisa n'akatono.

- 14 Kale, laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe batakayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu eyaggya abaana ba Isiraeri mu nsi y'e Misiri;
- 15 naye nti Nga Mukama bw'ali omulamu eyaggya abaana ba Isiraeri mu nsi ey'obukiika obwa kkono ne mu matwale gonna gye yali abagobedde: era ndibakomyawo mu nsi y'ewaabwe gye nnawa bajjajjaabwe.
- 16 Laba, nditumya abavubi bangi, bw'ayogera Mukama, era balibavuba; oluvannyuma nditumya abayizzi bangi, era balibayigga okubaggya ku buli lusozi ne ku buli kasozi, ne mu bunnya obw'omu mayinja.
- 17 Kubanga amaaso gange gatunuulira amakubo gaabwe gonna: tegakisibwa bwenyi bwange, so n'obutali butuukirivu bwabwe tebukwekebwa maaso gange.
- 18 Era okusooka ndisasula obutali butuukirivu bwabwe n'ekibi kyabwe emirundi ebiri; kubanga bayonoona ensi yange n'emirambo egy'ebintu byabwe eby'ebivve, era bajjuzizza obusika bwange emizizo gyabwe.
- 19 Ai Mukama, amaanyi gange era ekigo kyange, era obuddukiro bwange ku nnaku olw'okulabiramu ennaku, eri gwe amawanga gye galijja nga bava ku nkomerero z'ensi, era balyogera nti Bajjajjaffe baasikira bulimba bwereere, birerya n'ebigambo ebitaliiko kye bigasa.
- 20 Omuntu alyekolera bakatonda, era abatali bakatonda?
- 21 Kale, laba, ndibamanyisa, omulundi guno gwokka ndibamanyisa omukono gwange n'amaanyi gange; era balimanya ng'erinnya lyanze Yakuwa.

Essuula 17

- 1 Ekibi kya Yuda kyawandiikibwa n'ekkalaamu ey'ekyuma ejjinja erya alimasi essongovu: kyayolebwa ku kipande eky'omutima gwabwe, ne ku mayembe g'ebiyoto byammwe;
- 2 abaana baabwe nga bwe bajjukira ebyoto byabwe ne Baasera baabwe awali emiti egimera ku nsozi empanvu.
- 3 Ai olusozi lwange oluli mu nnimiro, ndigabula ebintu byo n'obugagga bwo bwonna okuba omunyago, n'ebifo byo ebigulumivu olw'okwonoona, mu nsalo zo zonna.
- 4 Naawe olivaamu ku bubwo wekka mu busika bwo bwe nnakuwa; era ndikuweerezesa abalabe bo mu nsi gy'otomanyi: kubanga mukumye omuliro mu busungu bwange obunaabuubuukanga emirembe gyonna.
- 5 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Akolimiddwa omusajja oyo eyeesiga abantu, n'afuula omubiri okuba omukono gwe, n'omutima gwe guva ku Mukama.
- 6 Kubanga alifaanana omwoloola oguli mu ddungu, so taliraba ebirungi bwe birijja; naye alibeera mu biwalakate mu ddungu, ensi ey'omuunyo so eteriimu bantu.
- 7 Alina omukisa omusajja oyo eyeesiga Mukama, era Mukama lye ssuubi lye.
- 8 Kubanga aliba ng'omuti ogwasimbibwa awali amazzi, ne gulanda emmizi gyagwo awali omugga, so tegulitya musana bwe gwaka ennyo, naye amalagala gaagwo galiy-era; so tegulyeraliikiririra mu mwaka ogw'ekyeya, so tegulirekayo kubala bibala.
- 9 Omutima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde endwadde etewonyezeka: ani ayinza okugumanya?
- 10 Nze Mukama nkebera omutima, nkema emmeeme, okuwa buli muntu ng'amakubo ge bwe gali, ng'ebibala bwe biri eby'ebikolwa bye.
- 11 Ng'enkwale bw'ekuaanya obwana bw'etezaalanga, bw'atyo bw'abeera oyo afuna obugagga so si lwa mazima; ennaku ze nga zikyali za kitundu bulimuvaako, ne ku nkomerero ye aliba musirusiru.
- 12 Ekifo eky'awatukuvu waffe ye ntebe ey'ekitiibwa eyagulumizibwa okuva ku

lubereberye.

- 13 Ai Mukama, essuubi lya Isiraeri, bonna abakuvaako balikwatibwa ensonyi; abansen-guka baliwandiikibwa ku ttaka, kubanga bavudde ku Mukama, oluzzi olw'amazzi amalamu.
- 14 Mponya, ai Mukama, kale lwe nnaawona; ndokola, kale lwe nnaalokoka: kubanga ggwe oli ttendo lyange.
- 15 Laba, baamba nti Ekigambo kya Mukama kiri ludda wa? kijje nno.
- 16 Nze ku bwange seeyuna obutaba musumba ennyuma wo; so seegombanga olunaku olw'okulabiramu ennaku; ggwe omanyi: ekyava mu mimwa gyange kyabanga mu maaso go.
- 17 Tobeera ntiisa gye ndi: ggwe oli buddukiro bwange ku lunaku olw'okulabiramu obubi.
- 18 Bakwatibwe ensonyi abo abanjigganya, naye nze nneme okukwatibwa ensonyi; bo bakeentererwe, naye nze nneme okukeentererwa: baleeteko olunaku olw'okulabiramu obubi, obazikirize okuzikirira okw'emirundi ebiri.
- 19 Bw'ati Mukama bwe yaamba nti Genda oyimirire mu mulyango ogw'abaana b'abantu, bakabaka ba Yuda mwe bayingirira era mwe bafulumira ne mu miryango gyonna egy'e Yersaalemi;
- 20 obagambe nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe bakabaka ba Yuda, ne Yuda yenna ne bonna abali mu Yersaalemi, abayingirira mu miryango gino:
- 21 bw'ati bw'ayogera Mukama nti Mwekuume muleme okusituliranga ku lunaku lwa ssabbiiti omugugu gwonna, so temuguyingirizanga mu miryango egy'e Yersaalemi;
- 22 so temuggyanga mugugu mu nnyumba zammwe ku lunaku olwa ssabbiiti, so temukolanga mulimu gwonna : naye mutukuzanga olunaku olwa ssabbiiti nga bwe nnalagira bajjajjammwe;
- 23 naye ne batawulira so tebaatega kutu kwabwe, naye ne bakakanyaza ensingo yaabwe baleme okuwulira era baleme okukkiriza okuyigirizibwa.
- 24 Awo olulituuka, bwe munaanyiikiranga okumpulira, bw'ayogera Mukama, obutaleetanga mugugu gwonna okuguyisa mu miryango gy'ekibuga kino ku lunaku olwa ssabbiiti, naye bwe munaatukuzanga olunaku olwa ssabbiiti obutalukolerangako mulimu gwonna;
- 25 kale mu miryango gy'ekibuga kino munaayingirangamu bakabaka n'abalangira abatudde ku ntebe ya Dawudi, nga bali ku magaali era nga beebagadde embalaasi, bo n'abakungu baabwe, abasajja ba Yuda n'abaliba mu Yersaalemi: n'ekibuga kino kinaabanga kya lubeerera.
- 26 Era balijja nga bavudde mu bibuga bya Yuda ne mu bifo ebyetoolodde Yersaalemi ne mu nsi ya Benyamini ne mu nsi ey'ensenyi ne ku nsozi ne mu bukiika obwa ddyo, nga baleeta ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka n'ebitone n'omugavu, era nga baleeta ssaddaaka ez'okwebaza mu nnyumba ya Mukama.
- 27 Naye bwe mutampulirenga okutukuza olunaku olwa ssabbiiti, obutatwalanga mugugu newakubadde okuyingiriranga mu miryango gy'e Yersaalemi ku lunaku olwa sabbiiti; kale ndikumira omuliro mu miryango gyakyo, era gulyokya amayumba ag'e Yersaalemi, so tegulizikizibwa.

Essuula 18

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya okuva eri Mukama nti
- 2 Golokoka oserengete eri ennyumba ey'omubumbi, era eyo gye nnaakuwuliriza ebigambo byange.
- 3 Awo ne nserengeta eri ennyumba ey'omubumbi, kale, laba, ng'akolera omulimu gwe

ku bannamuziga.

- 4 Awo ekintu kye yali akola n'ebbumba bwe kyayonoonekera mu mukono gw'omubumbi, n'akibumba nate okuba ekintu ekirala ng'omubumbi bwe yasiima okukibumba.
- 5 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 6 Ai ennyumba ya Isiraeri, nze siyinza kubakola ng'omubumbi ono? bw'ayogera Mukama. Laba, ebbumba nga bwe liri mu mukono gw'omubumbi, nammwe bwe muli bwe mutyo mu mukono gwange, ai ennyumba ya Isiraeri.
- 7 Bwe ndiba nga njogedde ku ggwanga ne ku bwakabaka, okusimbula n'okumenya n'okuzikiriza;
- 8 eggwanga eryo lye njogeddeko bwe lirikyuka okuleka obubi bwabwe, ndyejjusa obubi bwe nnali ndowooza okubakola.
- 9 Bwe ndiba nga njogedde ku ggwanga ne ku bwakabaka, okulizimba n'okulisimba;
- 10 bwe lirikola obubi mu maaso gange, obutawulira ddooboozi lyange, kale ndyejjusa obulungi bwe nnayogera okukola okubagasa.
- 11 Kale nno gamba abasajja ba Yuda n'abali mu Yerusaalemi nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, mbateesezzaako obubi era mbasalira amagezi: mukomeewo nno buli muntu ng'ava mu kkubo lye ebbi, mulongoose amakubo gammwe n'ebikolwa byammwe.
- 12 Naye ne boogera nti Tewali ssuubi: kubanga tunaatambulanga okugoberera ebyo bye twagunja ffe, era tunaakolanga buli muntu ng'obukakanyavu bw'omutima gwe omubi bwe buli.
- 13 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Mubuuze nno mu mawanga eyali awulidde ebigambo ebyenkana awo; omuwala wa Isiraeri akoze ekigambo eky'ekivve ennyo.
- 14 Omuzira oguli ku Lebanooni guliggweerawo ku lwazi olw'oku ttale? amazzi aman-nyogovu agakulukuta agava ewala galikalira?
- 15 Kubanga abantu bange banneerabidde, bookerezza obubaane ebitaliimu; era babeesit-tazizza mu makubo gaabwe, mu makubo ag'edda, okutambulira mu mpenda, mu kkubo eritali ssende;
- 16 okufuula ensi yaabwe ekyewuunyo n'okusoozebwanaga ennaku zonna; buli muntu anaayitangawo aneewuunyangana n'anyeenya omutwe gwe.
- 17 Ndibasaasanyanga nga n'embuyaga eziva ebuwanjuba mu maaso g'omulabe; nditunuulira amabega gaabwe so si maaso gaabwe ku lunaku mwe balirabira obuyinike.
- 18 Awo ne balyoka boogera nti Mujje tumusalire Yeremiya amagezi; kubanga amateeka tegalibula awali kabona, newakubadde okuteesa awali ow'amagezi, newakubadde ekigambo awali nnabbi: Mujje tumukube n'olulimi, tuleme okussaayo omwoyo eri ebigambo bye n'ekimu.
- 19 Ssaayo omwoyo eri nze, ai Mukama, owulire eddoooboozi ly'abo abampakanya.
- 20 Obubi bulisasulwa olw'obulungi? kubanga basimidde emmeeme yange obunnya. Jjukira bwe nnayimirira mu maaso go okubooogerera bo ebirungi okukyusa ekiruyi kyo kibaveeko.
- 21 Kale waayo abaana baabwe eri enjala, obagabule eri obuyinza obw'ekitala; bakazi baabwe bafiirwe abaana baabwe era babe bannamwandu; n'abasajja baabwe battibwe, n'abalenzi baabwe bafumitibwe n'ekitala mu lutalo.
- 22 Okukaaba kuwulirwe okuva mu nnyumba zaabwe, bw'olibaleetako ekibiina nga tebamanyiridde: kubanga basimye obunnya okunkwata, era bakwekedde ebigere byange ebyambika.
- 23 Era naye, Mukama, ggwe omanyi byonna bye bateesa okunzita; tosonyiwa bubi bwabwe, so tosangula kwonoona kwabwe mu maaso go: naye basuulibwe mi maaso go; obabonereze mu kiseera eky'obusungu bwo.

Essuula 19

- 1 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Genda ogule ensumbi ey'ebbumba ey'omubumbi, otwale ku bakadde b'abantu ne ku bakadde ba bakabona;
- 2 ofulume okugenda mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu ekiri awayingirirwa mu mulyango Kalusiisi, olangirire eyo ebigambo bye nnaakugamba:
- 3 oyogere nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe bassekabaka ba Yuda nammwe abali mu Yerusalemi; bw'atyo bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndireeta obubi ku kifo kino, obulyamiriza amatu ga buli muntu alibuwulira.
- 4 Kubanga bandekawo ne bakaafuwaza ekifo kino, ne bootereza omwo bakatonda abalala obubaane, be batamanyanga bo ne bajjajaabwe ne bassekabaka ba Yuda; era bajjuza ekifo kino omusaayi ogutaliiko musango;
- 5 era baazimba ebifo ebigulumivu ebya Baali okwokya batabani baabwe mu muliro okuba ebiweebwayo ebyokebwa eri Baali; kye ssiragiranga so saakyogera so tekyayingira mu mwoyo gwange:
- 6 kale, laba enaku zijja, bw'ayogera Mukama ekifo kino lwe kitakyayitibwa nti Tofesi newakubadde nti Kiwonvu kya mutabani wa Kinomu, naye nti Kiwonvu eky'okuttirwamu.
- 7 Era nditta okuteesa kwa Yuda ne Yerusalemi mu kifo kino; era ndibagwisa n'ekitala mu maaso g'abalabe baabwe, era n'omukono gw'abo abanoonya obulamu bwabwe: n'emirambo gyabwe ndigigabula okuba eby'okulya eri ennyonyi ez'omu bbanga n'eri ensolo ez'omu nsi.
- 8 Era ndifuula ekibuga kino ekyewuunyo era okusoozebwanaga; buli aliyitawo alyewuunya n'asooza olw'ebibonoobono byakyo byonna
- 9 Era ndibaliisa omubiri gwa batabani baabwe, n'omubiri gw'abawala baabwe, era balirya buli muntu omubiri gwa mukwano gwe mu kuzingizibwa ne mu kunyigirizibwa abalabe baabwe, n'abo abanoonya obulamu bwabwe kwe balibanyigiriza.
- 10 Awo n'olyoka omenya ensumbi eyo, abasajja abagenda naawe nga balaba,
- 11 n'obagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Era bwe ntyo bwe ndimenya abantu bano n'ekibuga kino ng'omuntu bw'amenya ekintu ky'omubumbi ekitayinzika kuyungibwa nate: era baliziikira mu Tofesi okutuusa lwe watalibaawo bbanga lya kuziikamu.
- 12 Bwe ntyo bwe ndikola ekifo kino, bw'ayogera Mukama, n'abakituulamu, nga nfuula ekibuga kino okuba nga Tofesi:
- 13 n'ennyumba ez'e Yerusalemi n'ennyumba za bassekabaka ba Yuda ezoonoonese ziriba ng'ekifo Tofesi, ennyumba zonna ze baayotererezangako waggulu obubaane eggye lyonna ery'eggulu, ne bafukira bakatonda abalala ebiweebwayo ebyokunywa.
- 14 Awo Yeremiya n'ajja ng'ava e Tofesi Mukama gye yali amutumye okulagula; n'ayimirira mu luggya olw'ennyumba ya Mukama, n'agamba abantu bonna nti
- 15 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndireeta ku kibuga kino ne ku mbuga zaakyo zonna obubi bwonna bwe nnakyogerako; kubanga bakakanyazizza ensingo yaabwe baleme okuwulira ebigambo byange.

Essuula 20

- 1 Awo Pasukuli mutabani wa Immeri kabona, eyali omwami omukulu ow'omu nnyumba ya Mukama, n'awulira Yeremiya ng'alagula ebyo.
- 2 Awo Pasukuli n'akuba Yeremiya nnabbi n'amusiba mu nvuba eyali mu mulyango ogw'engulu ogwa Benyamini ogwali mu nnyumba ya Mukama.
- 3 Awo olwatuuka enkya Pasukuli n'aggya Yeremiya mu nvuba. Awo Yeremiya

- n'amugamba nti Mukama takutuumye linnya lyo Pasukuli wabula Magolumissabibu.
- 4 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndikufuula eky'entiisa eri ggwe ken-nyini n'eri mikwano gyo bonna: era baligwa n'ekitala eky'abalabe baabwe, n'amaaso go galikiraba: era ndiwa Yuda yenna mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, naye alibatwala e Babulooni nga basibe, era alibatta n'ekitala.
 - 5 Era nate ndiwa obugagga bwonna obw'omu kibuga kino n'amagoba gaamu gonna n'ebintu byamu byonna eby'omuwendo omungi, weewaawo, ebintu byonna ebya bassekabaka ba Yuda ndibiwa mu mukono gw'abalabe baabwe, abalibanyaga ne babakwata ne babatwala e Babulooni.
 - 6 Naawe, Pasukuli, n'abo bonna abali mu nnyumba yo baligenda mu busibe: era olituuuka e Babulooni, era olifiira eyo, era oliziikirwa eyo, ggwe ne mikwano gyo bonna be walagula eby'obulimba.
 - 7 Ai Mukama, wannimba nze ne nnimbibwa: onsinga nze amaanyi era owangudde: nfuuse ekisekererwa okuzibya obudde, buli muntu ankudaalira.
 - 8 Kubanga buli lwe njogera, njogerera waggulu; njogerera waggulu nti Ekyejo n'okunyaga: kubanga ekigambo kya Mukama bakifuula ekivume gye ndi n'eky'okusekererwa okuzibya obudde.
 - 9 Era bwe njogera nti Siimwogereko so sikyayogerera mu linnya lye, kale mu mutima gwange muba ng'omuliro ogubuubuuka ogusibibwa mu magumba gange, era nga nkooye okuzibiikiriza so siyinda kubeerera awo.
 - 10 Kubanga mpulidde okulyolyoma kw'abangi, entiisa enjuyi zonna. Muloope, naffe tunaamuloopa bwe boogera mikwano gyange ennyo bonna, bo abalabirira okuwenyera kwange; mpozzi anaasendebwasendebwa, naffe tunaamuwangula, era tulimuwalanako eggwanga:
 - 11 Naye Mukama ali nange ng'ow'amaanyi ow'entiisa: abanjigganya kyebaliva beesittala so tebaliwangula: baliswala nnyo, kubanga tebakoze bya magezi, balikwatibwa ensonyi ezitaliggwaawo eziteerabirwenga ennaku zonna.
 - 12 Naye, ai Mukama w'eggye, akema omutuukirivu, alaba emmeeme ey'omunda, ndabe eggwanga lyo ly'oliwalana ku bo; kubanga nkubikkulidde ensonga yange.
 - 13 Muyimbire Mukama, mutendereze Mukama: kubanga awonyezza emmeeme y'oyo eyeetaaga mu mukono gw'abo abakola obubi.
 - 14 Olunaku kwe nnazaalirwa lukolimirwe: olunaku mmange kwe yanzaalira luleme okuweebwa omukisa.
 - 15 Akolimirwe oyo eyamuleetera kitange ebigambo nti Ozaaliddwa mwana wa bulenzi; ng'amusanyusa nnyo.
 - 16 Era omusajja oyo abeere ng'ebibuga Mukama bye yasuula n'ateenya: awulire okukaaba enkya, n'okwogerera wa ggulu mu ttuntu;
 - 17 kubanga teyanzita bwe nnava mu lubuto; bw'atyo mmange yandibadde entaana yange, n'olubuto lwe lwandibadde lukulu ennaku zonna.
 - 18 Naviira ki mu lubuto okulaba okutegana n'obuyinike, ennaku zange zimalibwewo olw'ensonyi?

Essuula 21

- 1 Ekigambo ekyajja eri Yeremiya okuva eri Mukama kabaka Zeddekiya bwe yamutumira Pasukuli mutabani wa Malukiya ne Zeffaniya mutabani wa Maaseya kabona ng'ayogera nti
- 2 Nkwegayiridde, tubuulize eri Mukama; kubanga Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni atutabaala: mpozzi Mukama anaatukola ng'ebikolwa bye byonna eby'ekitalo bwe biri, atuveeko.

- 3 Awo Yereimiya n'abagamba nti Bwe muti bwe muba mugamba Zeddekiya nti
- 4 Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndizza ennyuma ebyokulwanyisa ebiri mu mikono gyammwe bye mulwanyisa ne kabaka w'e Babulooni n'Abakaludaaya ababazingiza, abali ebweru wa bbugwe, era ndibakuaanyiza wakati mu kibuga kino.
- 5 Nange mwene ndirwana nammwe n'engalo ezigoloddwa n'omukono ogw'amaanyi, nga ndiko obusungu n'ekiruyi n'obukambwe obungi.
- 6 Era nditta abali mu kibuga kino, abantu era n'ensolo: balifa kawumpuli mungi.
- 7 Awo oluvannyuma, bw'ayogera Mukama, ndigabula Zeddekiya kabaka wa Yuda n'abaddu be n'abantu, abo kawumpuli n'ekitala n'enjala be byafissaawo mu kibuga muno, mu mukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni ne mu mukono gw'abalabe baabwe ne mu mukono gw'abo abanoonya obulamu bwabwe: era alibatta n'obwogi bw'ekitala; talibasonyiwa so talibakwatirwa kisa so talisaasira.
- 8 Era ogambanga abantu bano nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, nteeka mu maaso gammwe ekkubo ery'obulamu n'ekubo ery'okufa.
- 9 Abeera mu kibuga muno alifa n'ekitala n'enjala ne kawumpuli: naye oyo avaamu n'asenga Abakaludaaya abaabazingiza ye aliba omulamu, n'obulamu bwe buliba munyago gy'ali.
- 10 Kubanga ntadde amaaso gange ku kibuga kino okukireetako obubi so si bulungi, bw'ayogera Mukama: kirigabulwa mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, naye alikyokya omuliro.
- 11 N'eby'ennyumba ya kabaka wa Yuda, muwulire ekigambo kya Mukama:
- 12 Mmwe ennyumba ya Dawudi, bw'ati bw'ayogera Mukama nti Mutuukirizenga emisango enkya, era muggyenga omunyago mu mukono gw'omujoozi, ekiruyi kyange kireme okutambula ng'omuliro ne kyokya ne wataba ayinza okukizikiza, olw'obubi obw'ebikolwa byammwe.
- 13 Laba, ndi mulabe wo, ai ggwe abeera mu kiwonvu n'awali olwazi olw'omu lusenyi, bw'ayogera Mukama; mmwe aboogera nti Ani aliserengeta okututabaala? oba ani aliyingira mu nnyumba zaffe?
- 14 era ndibabonereza ng'ebibala bwe biri eby'ebikolwa byammwe, bw'ayogera Mukama: era ndikumira omuliro mu kibira kyakyo, era gulyokya byonna ebikyetoolodde.

Essuula 22

- 1 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Serengeta eri ennyumba ya kabaka wa Yuda,
- 2 oyogerere eyo ekigambo kino ogambe nti Wulira ekigambo kya Mukama, ai kabaka wa Yuda atuula ku ntebe ya Dawudi, ggwe n'abaddu bo n'abantu bo abayingirira mu miryango gino.
- 3 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Mutuukirizenga emisango n'eby'ensonga, muggyenga omunyago mu mukono gw'omujoozi: so temulyazaamaanyanga, temugiriranga kyejo mugenyi newakubadde atalina kitaawe newakubadde nnamwandu, so temuyiwanga musaayi ogutaliiko musango mu kifo kino.
- 4 Kubanga bwe mulikolera ddala ekigambo ekyo, kale muliyingirirwa mu miryango egy'ennyumba eno bassekabaka abalituula ku ntebe ya Dawudi, nga batambulira mu magaalii era nga beebagala embalaasi, ye n'abaddu be n'abantu be.
- 5 Naye bwe mutalikkiriza kuwulira bigambo bino, neerayira nzekka, bw'ayogera Mukama, ng'ennyumba eno erifuuka matongo.
- 6 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama eby'ennyumba ya kabaka wa Yuda: nti Ggwe Gireyaadi gye ndi era mutwe gwa Lebanooni: era naye sirirema kukufuula ddungu n'ebibuga omutali bantu.

- 7 Era ndikutegekera abazikiriza, buli muntu ng'alina ebintu bye ebizikiriza: era balitema emivule gyo egisinga obulungi, ne bagisuula mu muliro.
- 8 Kale amawanga mangi galiyita awali ekibuga kino, era baligambagana buli muntu munne nti Mukama kiki ekyamukoza bw'atyo ekibuga kino ekikulu?
- 9 Awo ne baddamu nti Kubanga baaleka endagaano ya Mukama Katonda waabwe, ne basinza bakatonda abalala ne babaweereza.
- 10 Temukaabira maziga oyo eyafa, so temumukungubagira: naye mumukaabire nnyo nnyini amaziga oyo agenda; kubanga takyadda nate so taliraba nsi y'ewaabwe.
- 11 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama ebya Sallumu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda eyasikira Yosiya kitaawe okufuga, eyagenda okuva mu kifo kino, nti Takyako-mangawo nate;
- 12 naye mu kifo gye baamutwala nga musibe, omwo mwalifiira, so takyalaba nsi eno nate.
- 13 Zimusanze oyo azimba ennyumba ye olw'obutali butuukirivu, n'ebisenge bye olw'okulya ensonga; alya emirimu gya munne awatali mpeera, so tamuwa bintu bye;
- 14 ayogera nti Neezimbara ennyumba engazi n'ebisenge ebinene, ne yeesaliramu ebituli; era ebikkibwako emivule, era esiigibwako ggerenge.
- 15 Olifuga kubanga oyagala okukiza banno emivule? kitaawo teyalanga n'anywanga, n'akolanga eby'ensonga n'eb'obutuukirivu? kale n'aba bulungi.
- 16 Yasalanga omusango gw'omwavu n'eyeetaaga; kale n'aba bulungi. Si kwe kwali okummanya? bw'ayogera Mukama.
- 17 Naye amaaso go n'omutima gwo bigoberera kwegomba kwo kwokka, n'okuyiwa omusaayi ogutaliiko musango, n'okujooga, n'ekyejo okukigiranga.
- 18 Mukama kyava ayogera bw'ati ebya Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda nti Tebalimukungubagira nga boogera nti Woowe, muganda wange! oba nti Woowe, mwannyinaze! tebalimukungubagira nga boogera nti Woowe, mukama wange oba nti Woowe, ekitiibwa kye!
- 19 Aliziikibwa ng'endogoyi bw'eziikibwa, ewalulwa esuulibwa ebweru w'emiryango gya Yerusaalemi.
- 20 Linnya ku Lebanoni okaabe oyimuse eddoozi lyo mu Basani okaabe ng'oyima ku Abalimu; kubanga baganzi bo bonna bazikiridde.
- 21 Nayogera naawe bwe wali ng'olaba omukisa; naye n'oyogera nti Siiwulire. Eyo ye yabanga empisa yo okuva mu buto bwo, obutagonderanga ddoozi lyange.
- 22 Embuyaga ze ziririisa abasumba bo bonna; ne baganzi bo balitwalibwa okusibibwa: kale tolirema kukwatibwa nsonyi n'oswala olw'obubi bwo bwonna.
- 23 Ai ggwe abeera ku Lebanoni, akola ekisu kyo ku mivule, ng'oliba wa kusaasirwa nnyo, obulumi bwe bulikukwata, obubalagaze ng'obw'omukazi alumwa okuzaala!
- 24 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, Koniya mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda newakubadde nga ye mpeta ey'akabonero ku mukono gwo ogwa ddyo, era nandikukwakuddeyo;
- 25 era ndikugabula mu mukono gw'abo abanoonya obulamu bwo ne mu mukono gw'abo b'otya, mu mukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babuloni, ne mu mukono gw'Abakaludaaya.
- 26 Era ndikugobera, ggwe ne nnyoko akuzaala, mu nsi endala gye mutaazaalirwa; era mulifiira eyo.
- 27 Naye mu nsi emmeeme yaabwe gye yeegomba okudda, eyo gye batalidda.
- 28 Omusajja ono Koniya lugyo lwatifu olunyoomebwa? ono kibya omutali kusanyusa? bagoberwa ki ye n'ezzadde lye, ne bagoberwa mu nsi gye batamanyi?
- 29 Ai ensi, ensi, ensi, wulira ekigambo kya Mukama.
- 30 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Muwandiike omusajja ono obutaba na baana,

omusajja ataliraba mukisa mu biro bye: kubanga tewaliba muntu wa ku zzadde lye aliraba omukisa ng'atudde ku ntebe ya Dawudi, oba nga yeeongera nate okufuga mu Yuda.

Essuula 23

- 1 Zisanze abasumba abazikiriza abasaasanya endiga ez'omu ddundiro lyange! bw'ayogera Mukama.
- 2 Mukama Katonda wa Isiraeri kyava ayogera bw'ati eri abasumba abaliisa abantu bange nti Musaasaanyizza ekisibo kyange ne mubagoba, so temwabalambula; laba, ndireeta ku mmwe obubi obw'ebikolwa byammwe, bw'ayogera Mukama.
- 3 Era ndikuaanya abafisseewo ku kisibo kyange okubaggya mu nsi zonna gye nnabagobera, ne mbakomyawo mu bisibo byabwe; era balyala balyeyongera.
- 4 Era ndissaawo abasumba ku bo abalibaliisa: kale nga tebakyatya nate so tebalikeentererwa, so tewaliba balibula, bw'ayogera Mukama.
- 5 Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndirosa eri Dawudi Ettiabi ettuukirivu, era alifuga nga ye kabaka, era alikola eby'amagezi, era alituukiriza emisango n'eby'ensonga mu nsi.
- 6 Mu mirembe gye Yuda alirokoka ne Isiraeri alibeera mirembe: era lino lye linnya ye ly'alituumibwa nti Mukama bwe butuukirivu bwaffe.
- 7 Laba, nnaku kyeziva zijja, bw'ayogera Mukama, lwe batakyayogera nate nti Nga Mukama bw'ali omulamu eyaggya abaana ba Isiraeri mu nsi y'e Misiri;
- 8 naye nti Nga Mukama bw'ali omulamu eyaggya ezzadde ery'ennyumba ya Isiraeri mu nsi ey'obukiika obwa kkono ne mu nsi zonna gye nnabagobera n'abalinyisa n'abatwala; era balibeera mu nsi yaabwe bo.
- 9 Ebya bannabbi. Omutima gwange munda yange gumenyese, amagumba gange gonna gakankana; nninga omutamiiivu, era ng'omuntu awanguddwa omwenge; ku lwa Mukama n'olw'ebigambo bye ebitukuvu.
- 10 Kubanga ensi ejjudde abenzi; kubanga ensi ekungubaga olw'okulayira; amalundiro ag'omu ddungu gakaze; n'amagenda gaabwe mabi, n'amaanyi gaabwe si malungi.
- 11 Kubanga nnabbi era ne kabona boonoonofu; weewaawo, nu nnyumba yange mwe nnalabira obubi bwabwe, bw'ayogera Mukama.
- 12 Amakubo gaabwe kyegaliva gabeera gye bali ng'obuseerezi mu kizikiza: balisindikibwa ne bagwa omwo: kubanga ndibaleetako obubi, gwe mwaka mwe bali-bonerezebwa, bw'ayogera Mukama.
- 13 Era ndabye obusirusiru ku bannabbi ab'e Samaliya; balagula ku lwa Baali ne bakyamya abantu bange Isiraeri.
- 14 Era ndabye ekigambo eky'ekivve ne ku bannabbi ab'e Yerusaalemi; benda era batambulira mu by'obulimba, ne banyweza emikono gy'abo abakola obubi, ne wataba akyuka okuleka obubi bwe: bonna bafuuse gye ndi nga Sodomu, n'abali omwo nga Ggomola.
- 15 Mukama w'eggye kyava ayogera bw'ati ebya bannabbi nti Laba, ndibaliisa obusinso, era ndibanywesa amazzi ag'omususa: kubanga mu bannabbi ab'e Yerusaalemi obwonoonefu mwe buvudde okubuna ensi yonna.
- 16 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Temuwuliranga bigambo bya bannabbi ababalagula; babayigiriza ebitaliiko kye bigasa: boogera okwolesebwa okuvudde mu mutima gwabwe bo, so okutavudde mu kamwa ka Mukama.
- 17 Bagamba olutata abo abannyooma nti Mukama ayogedde nti Muliba n'emirembe; na buli muntu atambulira mu bukakanyavu bw'omutima gwe ye bamugamba nti Tewaliba bubu obulibajjira.

- 18 Kubanga ani eyali ayimiridde Mukama w'ateeseza ebigambo, ategeere awulire ekigambo kye? ani eyali yeetegerezza ekigambo kyange n'akiwulira?
- 19 Laba, kibuyaga wa Mukama, kye kiruyi kye, afulumye, weewaawo, kibuyaga w'akazimu: aligwa ku mutwe gw'ababi.
- 20 Obusungu bwa Mukama tebulidda okutuusa lw'alimala okutuukiriza, okutuusa lw'alikomekkereza omutima gwe bye gumaliridde: mu nnaku ez'oluvannyuma mulikitegeerera ddala.
- 21 Saatuma bannabbi abo, naye ne baddukana mbiro: saayogera nabo, naye ne balagula.
- 22 Naye singa bayimirira mu kuteesa kwange, kale bandiwulizza abantu bange ebigambo byange, era bandibakyusizza okuleka ekkubo lyabwe ebbi n'obubi obw'ebikolwa byabwe.
- 23 Nze ndi Katonda ali okumpi, bw'ayogera Mukama, so siri Katonda ali ewala?
- 24 Waliwo ayinza okwekweka mu bifo eby'ekyama ne simulaba? bw'ayogera Mukama. Sijjula ggulu n'ensi? bw'ayogera Mukama.
- 25 Mpulidde bannabbi bye boogedde abayima mu linnya lyange okulagula eby'obulimba, nga boogera nti Ndoose, ndoose.
- 26 Ebyo birituusa wa okuba mu mutima gwa bannabbi abalagula eby'obulimba; bannabbi ab'obukyamu obw'omu mutima gwabwe bo?
- 27 Abalooza okwerabiza abantu bange erinnya lyange olw'ebirooto byabwe bye babuulirana buli muntu munne, nga bajjajjaabwe bwe beerabira erinnya lyange olwa Baali.
- 28 Nnabbi aloota ekirooto abuulirenga ekirooto, n'oyo alina ekigambo kyange ayogerenga ekigambo kyange n'obwesigwa. Ebisusunku kiki okwenkana n'eaano? bw'ayogera Mukama.
- 29 Ekigambo kyange tekifaanana muliro? bw'ayogera Mukama; era tekifaanana nnyondo eyasaayasa olwazi?
- 30 Kale, laba, ndi mulabe wa bannabbi, bw'ayogera Mukama, ababba ebigambo byange buli muntu ku munne.
- 31 Laba, ndi mulabe wa bannabbi, bw'ayogera Mukama, abaddira ennimi zaabwe ne boogera nti Ayogera.
- 32 Laba, ndi mulabe w'abo abalagula ebirooto eby'obulimba bwabwe n'olw'okwenyimiriza kwabwe okutaliimu: naye saabatuma so saabalagira; so tebaligasa bantu bano n'akatono, bw'ayogera Mukama.
- 33 Awo abantu bano oba nnabbi bwe balikubuuza nga boogera nti Omugugu gwa Mukama kye ki? kale n'obagamba nti Mugugu ki! Ndibagoba, bw'ayogera Mukama.
- 34 Ne nnabbi ne kabona n'abantu abalyogera nti Omugugu gwa Mukama, ndibonereza omuntu oyo n'ennyumba ye.
- 35 Bwe muti bwe muligamba buli muntu munne na buli muntu muganda we nti Mukama azzeemu ki? era nti Mukama ayogedde ki?
- 36 N'omugugu gwa Mukama temukyagwatula nate: kubanga buli muntu ekigambo kye ye kye kiriba omugugu gwe; kubanga mwanyoola ebigambo bya Katonda omulamu, ebya Mukama w'eggye Katonda waffe.
- 37 Bw'oti bw'oba ogamba nnabbi nti Mukama akuzzeemu ki? era nti Mukama ayogedde ki?
- 38 Naye bwe mulyogera nti Omugugu gwa Mukama; Mukama kyava ayogera bw'ati nti Kubanga mwogera ekigambo ekyo, nti Omugugu gwa Mukama, nange mbatumidde nga njogera nti Temwogeranga nti Omugugu gwa Mukama;
- 39 kale, laba, ndibeerabirira ddala, era ndibasuala n'ekibuga kye nnabawa mmwe ne bajjajjamwe okuviira ddala we ndi:
- 40 era ndibaleetako ekivume ekitaliggwaawo n'ensonyi ezitalivaawo ezitalyerabirwa.

Essuula 24

- 1 Mukama yanjolesa, era, laba, ebibbo bibiri eby'ettiini ebiteekeddwa mu maaso ga yeekaalu ya Mukama; Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni ng'amaze okutwala nga musibe Yekoniya mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda n'abakungu ba Yuda wamu ne bafundi n'abaweesi okubaggya mu Yerusaalemi, era ng'abatutte e Babulooni.
- 2 Ekibbo ekimu kyalimu ettiini nnungi nnyo, ng'ettiini ezisooka okwengera: n'ekibbo eky'okubiri kyalimu ettiini mbi nnyo ezitaliika, kubanga zaayinga obubi.
- 3 Awo Mukama n'aamba nti Olaba ki, Yeremiya? Ne njogera nti Ttiini; ettiini ennungi nnungi nnyo; n'embu mbi nnyo ezitaliika, kubanga ziyinga obubi.
- 4 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 5 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Ng'ettiini zino ennungi, bwe ntyo bwe ndirowooza abasibe ba Yuda, be nnasindiikiriza okuva mu kifo kino okugenda mu nsi ey'Abakaludaaya, olw'obulungi.
- 6 Kubanga nditeeka amaaso gange ku bo olw'obulungi, era ndibakomyawo nate mu nsi eno: era ndibazimba so siribaabya; era ndibasimba so siribasimbula.
- 7 Era ndibawa omutima okumanya nga ndi Mukama: era banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe: kubanga balikomawo gye ndi n'omutima gwabwe gwonna.
- 8 Era ng'ettiini embu ezitaliika, kubanga ziyinga obubi; mazima bw'ati bw'ayogera Mukama nti Bwe ntyo bwe ndigabula Zedekiya kabaka wa Yuda n'abakungu be n'abafikkawo ku Yerusaalemi abaasigala mu nsi eno n'abo abali mu nsi y'e Misiri:
- 9 ndibagabula okuyuguumizibwa eruuyi mu nsi zonna eza bakabaka bwe zenkana olw'obubi; okuba ekivume n'olugero n'ekikiino n'ekikolimo mu bifo byonna gye ndibagobera.
- 10 Era ndiweereza ekitala n'enjala ne kawumpuli mu bo okutuusa lwe balimalibwawo okuva ku nsi gye nnawa bo ne bajjajaabwe.

Essuula 25

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya eky'abantu bonna aba Yuda mu mwaka ogw'okuna ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda; ogwo gwe gwali omwaka ogw'olubereberye ogwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni;
- 2 Yeremiya nnabbi kye yabuulira abantu bonna aba Yuda ne bonna abaali mu Yerusaalemi, ng'ayogera nti
- 3 Okuva ku mwaka ogw'ekkumi n'esatu ogwa Yosiya mutabani wa Amoni kabaka wa Yuda ne leero, emyaka egyo amakumi abiri mu esatu, ekigambo kya Mukama kyanjjiranga ne njogera nammwe, nga ngolokoka mu makya ne njogera; naye mmwe temuwulirizanga.
- 4 Era Mukama yabatumiranga abaddu be bonna bannabbi, ng'agolokoka mu makya ng'abatuma; naye mmwe temuwulirizanga so temuteganga kutu kwammwe okuwulira;
- 5 ng'ayogera nti Mukomewo nno buli muntu ng'aleka ekkabo lye ebbi n'obubi obw'ebikolwa byammwe, mubeere mu nsi Mukama gye yabawa mmwe ne bajjajammwe, okuva edda n'okutuusa emirembe gyonna:
- 6 so temugobereranga bakatonda abalala okubaweerezanga n'okubasinzanga, so temunsunguwazanga n'omulimu ogw'emikono gyammwe; nange siribakola bubi.
- 7 Era naye temumpuliranga, bw'ayogera Mukama; munsunguwaze n'omulimu ogw'emikono gyammwe olw'okwerumya mwekka.

- 8 Mukama w'eggye kyava ayogera bw'ati nti Kubanga temuwulidde bigambo byange,
- 9 laba, ndituma ne nzirira ebika byonna eby'obukiika obwa kkono, bw'ayogera Mukama, era nditumira Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni omuddu wange, ne mbaleeta okutabaala ensi eno n'abo abali omwo n'amawanga gano gonna agee-toolodde; era ndibazikiririza ddala ne mbafuula ekyewuunyo n'okusoozebwanga n'amatongo ag'olubeerera.
- 10 Era nate ndibaggyako eddoozi ery'okusanyuka n'eddoozi ery'okujaguza, eddoozi ly'awasa omugole n'eddoozi ly'omugole, okuvuga kw'olubengo n'okwaka kw'etabaaza.
- 11 N'ensi eno yonna eriba matongo n'ekyewuunyo; n'amawanga gano galiweereza kabaka w'e Sabulooni emyaka nsanvu.
- 12 Awo olulituuka emyaka ensanvu bwe girituukirira, ne ndyoka mbonereza kabaka w'e Babulooni n'eggwanga eryo, bw'ayogera Mukama, olw'obutali butuukirivu bwabwe, n'ensi ey'Abakaludaaya, era ndigifuula amatongo ennaku zonna.
- 13 Era ndireeta ku nsi eyo ebigambo byange byonna bye tunagyogerako, byonna ebyawandiikibwa mu kitabo kino Yeremiya kye yalagula eri amawanga gonna.
- 14 Kubanga amawanga mangi ne bakabaka abakulu abalibafuula abaddu, abo be balifuula abaddu: era ndibasasula ng'ebikolwa byabwe bwe biri era ng'omulimu ogw'emikono gyabwe bwe guli.
- 15 Kubanga bw'ati Mukama Katonda wa Isiraeri bw'aamba nti Toola ekikompe eky'omwenge ogw'ekiruyi kino mu mukono gwange, oginyweseeko amawanga gonna gye nkutuma.
- 16 Kale balinywa ne batagatta ne balaluka olw'ekitala kye ndiweereza mu bo.
- 17 Awo ne ntoola ekikompe mu mukono gwa Mukama, ne nnywesa amawanga gonna Mukama gye yantuma:
- 18 Yersaalemi n'ebibuga bya Yuda ne bakabaka baamu n'abakungu baamu, okubafuula amatongo n'ekyewuunyo n'okusoozebwanga n'ekikolimo; nga bwe kiri leero;
- 19 Falaawo kabaka w'e Misiri n'abaddu be n'abakungu be n'abantu be bonna;
- 20 n'abantu bonna abatabulwa, ne bakabaka bonna ab'omu nsi ya Uzi, ne bakabaka bonna ab'omu nsi ey'Abafirisuuti, ne Asukulooni ne Gaaza ne Ekuloni n'abafissewo ku Asudodi;
- 21 Edomu ne Mowaabu n'abaana ba Amoni;
- 22 ne bakabaka bonna ab'e Ttuulo ne bakabaka bonna ab'e Sidoni ne bakabaka b'ekizinga ekiri emitala w'ennyanja;
- 23 Dedani ne Tema ne Buzi ne bonna abamwa oluge;
- 24 ne bakabaka bonna ab'e Buwalabu ne bakabaka bonna ab'abantu abatabulwa ababeera mu ddungu;
- 25 ne bakabaka bonna ab'e Zimuli, ne bakabaka bonna aba Eramu, ne bakabaka bonna aba Abameedi;
- 26 ne bakabaka bonna ab'obukiika obwa kkono ab'ewala n'ab'okumpi, buli muntu ne munne; n'ensi zonna eza bakabaka bwe benkana eziri ku nsi; ne kabaka w'e Sesaki alibaddirira okunywa.
- 27 Era olibagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Munyiwe mutamiire musese mugwe so temuyimuka nate olw'ekitala kye ndiweereza mu mmwe.
- 28 Awo olulituuka bwe baligaana okutoola ekikompe mu mukono gwo, okunywa, kale olibagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Temuuleme kunywa.
- 29 Kubanga, laba, nsookera ku kibuga ekituumiddwako erinnya lyanze okuleeta obubi, nammwe mwandiwonede ddala okubonerezebwa? Temuliwona kubonerezebwa: kubanga ndiyita ekitala okujja ku abo bonna abatuula ku nsi, bw'ayogera Mukama

w'eggye.

- 30 Kale olagulanga ku bo ebigambo ebyo byonna, obagambe nti Mukama aliwuluguma ng'ayima waggulu, alireeta eddoozi lye ng'ayima mu kifo kye ekitukuvu mw'abeera; aliwulugumira n'amaanyi ku kisibo kye; era alyogerera waggulu ng'abo abasamba ezabbibu eri abo bonna abatuula ku nsi.
- 31 Eddoozi liriija lirituuka ne ku nkomerero y'ensi; kubanga Mukama alina empaka n'amawanga, aliwoza ne bonna abalina omubiri; ababi alibawaayo eri ekitala, bw'ayogera Mukama:
- 32 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Laba, obubi bulifuluma okuva mu ggwanga okugenda mu ggwanga linnaalyo, ne kibuyaga mungi alikunsibwa aliva ku njegoyego z'ensi ez'enkomerero.
- 33 N'abo Mukama b'alitta baliva ku nkomerero y'ensi balituuka ku nkomerero yaayo: tebalikungubagirwa so tebalikuaanyizibwa so tebaliziikibwa; baliba busa ku maaso g'ensi.
- 34 Muwowoggane, mmwe abasumba, mukaabe; mwekulukuunye mu vvu, mmwe abakulu ab'omu kisibo: kubanga ennaku ez'okuttibwa kwammwe zituukidde ddala, nange ndibamenyaamenya, nammwe muligwa ng'ekibya ekisanyusa.
- 35 N'abasumba tebaliba na kkubo lya kuddukiramu, newakubadde abakulu ab'omu kisibo ery'okuwoneramu:
- 36 Eddoozi ery'okwogerera waggulu okw'abasumba n'okuwowoggana kw'abakulu ab'omu kisibo kubanga Mukama azisa eddundiro lyabwe.
- 37 N'ebisibo ebyabangamu emirembe bisirisibwa olw'ekiruyi kya Mukama.
- 38 Avudde mu bwekwewero ng'empologoma: kubanga ensi yaabwe efuuse ekyewuunyo olw'obukambwe bw'ekitala ekijooga n'olw'ekiruyi kye.

Essuula 26

- 1 Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda nga kyajje alye obwakabaka ekigambo kino ne kijja okuva eri Mukama nga kyogera nti
- 2 Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti Yimirira mu luggya olw'ennyumba ya Mukama, ogambe ebibuga byonna ebya Yuda, abajja okusinziza mu nnyumba ya Mukama, ebigambo byonna bye nkulagira okubagamba; tolekaayo na kimu.
- 3 Mpozzi baliwulira ne bakyuka buli muntu okuleka ekkubo lye ebibi; ndyoke nejjuse obubi bwe nteesa okubakola olw'obubi obw'ebikolwa byabwe.
- 4 Era obagambanga nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Bwe mutampulirize okutambuliranga mu mateeka gange ge ntadde mu maaso gammwe,
- 5 okuwulirizanga ebigambo by'abaddu bange bannabbi be mbatumira, okugolokoka nga ngolokoka mu makya ne mbatuma, naye mmwe ne mutawuliriza;
- 6 kale ndifuula ennyumba eno okuba nga Siiro, era ndifuula ekibuga kino ekikolimo eri amawanga gonna ag'omu nsi.
- 7 Awo bakabona ne bannabbi n'abantu bonna ne bawulira Yeremiya ng'ayogerera ebigambo ebyo mu nnyumba ya Mukama.
- 8 Awo olwatuuka Yeremiya bwe yamalira ddala okwogera byonna Mukama bye yali amulagidde okugamba abantu bonna, bakabona ne bannabbi n'abantu bonna ne bamukwata nga boogera nti Tooleme kufa.
- 9 Kiki ekikulaguzizza mu linnya lya Mukama ng'oyogera nti Ennyumba eno eriba nga Siiro n'ekibuga kino kiriba matongo nga tewali muntu akibeeramu? Abantu bonna ne bakuaanira awali Yeremiya mu nnyumba ya Mukama.
- 10 Awo abakungu ba Yuda bwe baawulira ebyo, ne bambuka nga bava mu nnyumba ya kabaka, ne bajja mu nnyumba ya Mukama; ne batuula awayingirirwa mu mulyango

omuggya ogw'ennyumba ya Mukama.

- 11 Awo bakabona ne bannabbi ne bagamba abakungu n'abantu bonna nti Omusajja ono asaanidde okufa; kubanga alagudde ku kibuga kino nga bwe muwulidde n'amatu gammwe mmwe.
- 12 Awo Yeremiya n'agamba abakungu bonna n'abantu bonna nti Mukama ye yantuma okulagula ku nnyumba eno ne ku kibuga kino ebigambo byonna bye muwulidde.
- 13 Kale nno mulongoose amakubo gammwe n'ebikolwa byammwe, mugondere eddo-boozi lya Mukama Katonda wammwe; kale Mukama alyejjusa obubi bw'aboogeddeko.
- 14 Naye nze, laba, ndi mu mukono gwammwe: munkole nga bwe musiima era bwe kiri eky'ensonga mu maaso gammwe.
- 15 Kyokka mutegeerere ddala bwe munanzita muneereetako omusaayi ogutaliiko musango ne ku kibuga kino ne ku abo abakibeeramu: kubanga mazima Mukama ye antumye gye muli okwogera ebigambo bino byonna mu matu gammwe.
- 16 Awo abakungu n'abantu bonna ne bagamba bakabona ne bannabbi nti Omusajja ono tasaanidde kufa; kubanga ayogeredde naffe mu linnya lya Mukama Katonda waffe.
- 17 Awo ne wagolokoka abamu ku bakadde b'ensi ne bagamba ekibiina kyonna eky'abantu nti
- 18 Mikaaya Omumolasi yalagulira mu mirembe gya Keezeekiya kabaka wa Yuda; n'agamba abantu bonna aba Yuda ng'ayogera ati Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Sayuuni lulikabalwa ng'ennimiro ne Yerusaalemi kirifuuka bifunvu, n'olusozi olw'ennyumba luliba ng'ebifo ebigulumivu eby'omu kibira.
- 19 Keezeekiya kabaka wa Yuda ne Yuda yenna baamala ne bamutta? teyatya Mukama, ne yeegayirira ekisa kya Mukama, Mukama ne yejjusa obubi bwe yali aboogeddeko? Bwe tutyo twandyononye nnyo emmeeme zaffe ffe.
- 20 Era waaliwo omusajja eyalagulira mu linnya lya Mukama, Uliya mutabani wa Semaaya ow'e Kiriyasuyalimu; n'oyo yalagula ku kibuga kino ne ku nsi eno ng'ebigambo byonna ebya Yeremiya bwe bibadde:
- 21 awo Yekoyakimu kabaka n'abasajja be bonna ab'amaanyi n'abakungu bonna bwe baawulira ebigambo bye, kabaka n'ayagala okumutta; naye Uliya bwe yakiwulira, n'atya n'adduka n'agenda mu Misiri:
- 22 Yekoyakimu kabaka n'atuma abantu e Misiri, Erunasani mutabani wa Akubooli, n'abasajja abamu wamu naye e Misiri:
- 23 ne bakimayo Uliya mu Misiri, ne bamuleeta eri Yekoyakimu kabaka; n'amutta n'ekitala, n'asuula omulambo gwe mu malaalo g'abakopi.
- 24 Naye omukono gwa Akikamu mutabani wa Safani ne guba wamu ne Yeremiya baleme okumuwaayo mu mukono gw'abantu okumutta.

Essuula 27

- 1 Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda nga kyajje atanule okufuga, ekigambo kino ne kijja eri Yeremiya okuva eri Mukama nga kyogera nti
- 2 Bw'ati Mukama bw'aamba nti Weekolere ebisiba n'emiti egy'ekikoligo obiteeke mu bulago bwo;
- 3 obiweereze kabaka wa Edomu ne kabaka wa Mowaabu ne kabaka w'abaana ba Amoni ne kabaka w'e Ttuulo ne kabaka w'e Sidoni mu mukono gw'ababaka abajja e Yerusaalemi eri Zeddekiya kabaka wa Yuda;
- 4 obalagire ebigambo eby'okutwalira bakama baabwe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isireari nti Bwe muti bwe muligamba bakama bammwe nti
- 5 Nze nakola ensi, omuntu n'ensolo ebiri ku nsi, n'obuyinza bwange obungi n'omukono

gwange ogugoloddwa; era nze ngiwa gwe nsiima.

- 6 Era kaakano mpadde ensi zino zonna mu mukono gwa Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni omuddu wange; era mmuwadde n'ensolo ez'omu nsiko okumuweerezanga.
- 7 N'amawanga gonna galimuweereza ye ne mutabani we n'omwana wa mutabani we okutuusa ebiro eby'ensi ye lwe birituuka: kale amawanga mangi ne bakabaka abakulu ne balyoka bamufuula omuddu.
- 8 Awo olulituuka eggwanga n'obwakabaka abatalikkiriza kuweerezanga Nebukadduneeza oyo kabaka w'e Babulooni, era abatalikkiriza kuteeka nsingo yaabwe wansi w'ekikoligo kya kabaka w'e Babulooni, eggwanga eryo ndiribonereza, bw'ayogera Mukama, n'ekitala n'enjala ne kawumpuli okutuusa lwe ndimala okubazikiriza n'omukono gwe.
- 9 Naye mmwe temuwuliranga bannabbi bammwe newakubadde abafumu bammwe newakubadde ebirooto byammwe newakubadde abalogo bammwe newakubadde abasamize bammwe ababagamba nti Temuliweereza kabaka w'e Babulooni:
- 10 kubanga babalagula kya bulimba okubatwala ewala n'ensi yammwe; era ndyoke mbagobemu ne muzikirira.
- 11 Naye eggwanga eririteeka ensingo yaabwe wansi w'ekikoligo kya kabaka w'e Babulooni ne limuweereza, eggwanga eryo ndirireka libeere mu nsi yaabwe bo, bw'ayogera Mukama; era baligirima ne batuula omwo.
- 12 Awo ne amba Zeddekiya kabaka wa Yuda ng'ebigambo ebyo byonna bwe byali nga njogera nti Muteeke ensingo zammwe wansi w'ekikoligo kya kabaka w'e Babulooni, mumuweereze ye n'abantu be mubeere abalamu.
- 13 Mwagalira ki okufa, ggwe n'abantu bo, n'ekitala n'enjala ne kawumpuli, nga Mukama bw'ayogedde: eby'eggwanga eritalikkiriza kuweereza kabaka w'e Babulooni?
- 14 So temuwuliranga bigambo bya bannabbi aboogera nammwe nti Temuliweereza kabaka w'e Babulooni: kubanga babalagula kya bulimba.
- 15 Kubanga sibatumanga, bw'ayogera Mukama, naye balagulira mu linnya lyange obulimba; ndyoke mbagobe mu ne muzikirira, mmwe ne bannabbi ababalagula.
- 16 Era ne amba ne bakabona n'abantu bano bonna nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Temuwuliranga bigambo bya bannabbi bammwe ababalagula nga boogera nti Laba, ebintu eby'omu nnyumba ya Mukama binaatera okukomezewawo nate okuva mu Babulooni: kubanga babalagula kya bulimba.
- 17 Temubawuliranga; muweereze kabaka w'e Babulooni mubeere abalamu: ekibuga kino kiki ekinaaba kikifuusa amatongo.
- 18 Naye oba nga bannabbi, n'ekigambo kya Mukama oba nga kiri nabo, beegayirire nno Mukama w'eggye ebintu ebisigadde mu nnyumba ya Mukama ne mu nnyumba ya kabaka wa Yuda ne mu Yerusaalemi bireme okugenda e Babulooni.
- 19 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mu kama w'eggye eby'empagi n'eb'ennyanja n'eb'entebe n'eb'ebintu ebifissewo ebisigadde mu kibuga kino,
- 20 Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni by'ataatwala bwe yatwala nga musibe Yekoniya mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda n'amuggya e Yerusaalemi n'amutwala e Babulooni n'abakungu bonna aba Yuda ne Yerusaalemi
- 21 weewaawo, bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, eby'ebintu ebisigadde mu nnyumba ya Mukama ne mu nnyumba ya kabaka wa Yuda ne mu Yerusaalemi nti
- 22 Biritwalibwa e Babulooni, era biribeera eyo okutuusa ku lunaku lwe ndibajjira bw'ayogera Mukama; kale ne ndyoka mbaggyayo ne mbikomyawo mu kifo kino.

Essuula 28

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogwa Zeddekiya kabaka wa Yuda nga kyajje atanule okufuga mu mwaka ogw'okuna mu mwezi ogw'okutaano Kananiya mutabani wa Azzuli nnabbi ow'e Gibeoni n'ayogera nange mu nnyumba ya Mukama, bakabona n'abantu bonna nga weebali, nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Mmenye ekikoligo kya kabaka w'e Babulooni.
- 3 Emyaka ebiri emirambirira nga teginnaggwaako ndireeta nate mu kifo kino ebintu byonna eby'omu nnyumba ya Mukama Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni bye yaggya mu kifo kino n'abitwala e Babulooni:
- 4 era ndikomyawo mu kifo kino Yekoniya mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda wamu n'abasibe bonna aba Yuda abaagenda e Babulooni, bw'ayogera Mukama: kubanga ndimenya ekikoligo kya kabaka w'e Babulooni.
- 5 Awo nnabbi Yeremiya n'agamba nnabbi Kananiya, bakabona nga weebali n'abantu bonna abayimiridde mu nnyumba ya Mukama nga weebali,
- 6 nnabbi Yeremiya n'ayogera nti Amina: Mukama akole bw'atyo: Mukama atuukirize ebigambo byo by'olagudde okukomyawo ebintu by'omu nnyumba ya Mukama n'abo bonna ab'obusibe okubaggya e Babulooni okubaleeta mu kifo kino.
- 7 Era naye wulira nno ekigambo kino kye njogera mu matu go ne mu matu g'abantu bonna, nti
- 8 Bannabbi abansooka nze era abaakusooka ggwe edda baalagulanga eri ensi nnyingi, n'amatwale ga bakabaka amakulu, nga balagula obulwa n'obubi ne kawumpuli.
- 9 Nnabbi alagula emirembe, ekigambo kya nnabbi bwe kirituukirira, kale nnabbi alimanyibwa nga Mukama yamutuma mazima.
- 10 Awo Kananiya nnabi n'aggya omuti ku nsingo ya nnabbi Yeremiya n'agumenya.
- 11 Awo Kananiya n'ayogera abantu bonna nga weebali nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Era bwe ntyo bwe ndimenya n'ekikoligo kya Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni nga nkiggya ku nsingo y'amawanga gonna, emyaka ebiri emirambirira nga teginnaggwaako. Awo nnabbi Yeremiya ne yeddirayo.
- 12 Awo ekigambo kya Mukama ne kiryoka kijjira Yeremiya, Kananiya nnabbi ng'amaze okumenya omuti ku nsingo ya nnabbi Yeremiya, nga kyogera
- 13 nti Genda obuulire Kananiya nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Omenye ekikoligo eky'emiti, naye kola ekikoligo eky'ebyuma okudda mu kifo kyakyo.
- 14 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Ntadde ekikoligo eky'ebyuma ku nsingo y'amawanga gano gonna gaweereze Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni; era balimuweereza: era mmuwadde n'ensolo ez'omu nsiko.
- 15 Awo nnabbi Yeremiya n'alyoka agamba Kananiya nnabi nti Wulira nno, Kananiya; Mukama takutumanga; naye weesiza abantu bano eky'obulimba.
- 16 Mukama kyava ayogera nti Laba, ndikusindika okuva ku nsi: mu mwaka guno mw'olifiira kubanga oyogedde eby'obujeemu eri Mukama.
- 17 Awo Kananiya nnabbi n'afiira mu mwaka ogwo mu mwezi ogw'omusanvu.

Essuula 29

- 1 Era bino bye bigambo eby'omu bbaluwa Yeremiya nnabbi gye yaweereza ng'ayima e Yersaalemi eri abakadde abafisseewo ab'omu busibe n'eri bakabona n'eri bannabbi n'eri abantu bonna Nebukadduneeza be yali atutte nga basibe okubaggya e Yersaalemi okubatwala e Babulooni:

- 2 (Yekoniya kabaka ne nnamasole n'abalaawe n'abakungu ba Yuda ne Yerusaalemi ne bafundi n'abaweesi nga bamaze okuva mu Yerusaalemi;)
- 3 mu mukono gwa Erasa mutabani wa Safani ne Gemaliya mutabani wa Kirukiya, (Zeddekiya kabaka wa Yuda be yatuma e Babulooni eri Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni,) ng'ayogera nti
- 4 Bw'ati Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri bw'agamba ab'obusibe bonna be nnatwaza e Babulooni nga basibe okubaggya e Yerusaalemi, nti
- 5 Muzimbenga ennyumba mutuulenga omwo; musimbenga ensuku, mulyenga emmere yaamu; muwasenga abakazi, muzaalenga abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala;
- 6 era muwasizenga batabani bammwe abakazi, era mugabenga abawala bammwe okufumbirwa, bazaalenga abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala; mwalirenga eyo so temukendeera.
- 7 Mwalizenga ekibuga emirembe gye nnabatwaza okuba abasibe, era mukisabirenga eri Mukama: kubanga olw'emirembe gyakyo mmwe muliba n'emirembe.
- 8 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Bannabbi bammwe abali wakati mu mmwe n'abafumu bammwe balemenga okubalimba, so temuwulirizanga birooto byammwe bye muloosa.
- 9 Kubanga babalagulira mu linnya lyange eby'obulimba: sibatumanga, bw'ayogera Mukama.
- 10 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Emyaka nsanvu bwe girituukirira Babulooni, ndibajjira ne ntuukiriza gye muli ekigambo kyange ekirungi nga mbakomyawo mu kifo kino.
- 11 Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza gye muli, bw'ayogera Mukama, ebirowoozo eby'emirembe so si bya bubu, okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma.
- 12 Era mulinkaabira, era muligenda ne munsaba, nange ndibawulira.
- 13 Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenkenya n'omutima gwammwe gwonna.
- 14 Nange mulindaba, bw'ayogera Mukama, era ndikyusa nate obusibe bwammwe, ne mbakuaanya okubaggya mu mawanga gonna ne mu bifo byonna gye nnabagobera, bw'ayogera Mukama; era ndibakomyawo mu kifo gye nnabaggya okubatwaza okuba abasibe.
- 15 Kubanga mwogedde nti Mukama atuyimusirizza bannabbi mu Babulooni.
- 16 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama ebya kabaka atuula ku ntebe ya Dawudi, n'eb'abantu bonna abali mu kibuga muno, baganda bammwe abatafulumanga okugenda mu busibe wamu nammwe;
- 17 bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Laba, ndisindika ku bo ekitala n'enjala ne kawumpuli, era ndibafuula ng'ettiini ezitaliiko kye zigasa ezitaliika kubanga ziyinze obubi
- 18 Era ndibayigganya n'ekitala n'enjala ne kawumpuli, era ndibawaayo okuyuugumizibwa mu nsi zonna eza bakabaka eziri ku nsi, okuba ekikolimo n'ekyewuunyo n'okusoozebwanga n'ekivume mu mawanga gonna gye nnabagobera:
- 19 kubanga tebawulirizza bigambo byange, bw'ayogera Mukama, bye nnatuma abaddu bange bannabbi, nga ngolokoka mu makya ne mbatuma; naye ne mutakkiriza kuwulira, bw'ayogera Mukama.
- 20 Kale muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe mwenna ab'omu busibe, be nnasindika e Babulooni okuva e Yerusaalemi.
- 21 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri ebya Akabu mutabani wa Kolaya n'ebya Zeddekiya mutabani wa Maaseya ababalagulira mu linnya lyange eky'obulimba, nti Laba, ndibagabula mu mukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni; era alibatta mmwe nga mulaba;

- 22 era ku bo kwe baliggya ekikolimo abasibe bonna aba Yuda abali mu Babulooni nga boogera nti Mukama akufuule nga Zeddekiya era nga Akabu kabaka w'e Babulooni be yayokya omuliro:
- 23 kubanga bakoze eby'obusirusiru mu Isiraeri, era benze ku bakazi ba bannaabwe, era boogeredde mu linnya lyanze ebigambo eby'obulimba bye sibalagiranga; era nze nzuuno amanyi, era nze ndi mujulirwa, bw'ayogera Mukama.
- 24 N'ebya Semaaya Omunekeramu onooyogera nti
- 25 Bw'ati bw'agamba Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Kubanga oweerezza ebbaluwa ng'oyima mu linnya lyo ggwe eri abantu bonna abali mu Yerusalemi n'eri Zeffaniya mutabani wa Maaseya kabona n'eri bakabona bonna ng'oyogera nti
- 26 Mukama akufudde kabona mu kifo kya Yekoyaada kabona mubeere abaami mu nnyumba ya Mukama, olwa buli muntu aliko eddalu ne yeefuula nnabbi, omuteeke mu nvuba ne mu masamba.
- 27 Kale nno ekikulobedde ki okunenya Yeremiya ow'e Yanasosi eyeefuula nnabbi gye muli,
- 28 kubanga yatutumira e Babulooni ng'ayogera nti Obusibe bwa kulwawo: muzimbenga ennyumba, mutuulenga omwo; era musimbenga ensuku, mulyenga emmere yaamu?
- 29 Awo Zeffaniya kabona n'asomera ebbaluwa eno mu matu ga Yeremiya nnabbi.
- 30 Awo ekigambo kya Mukama ne kijja eri Yeremiya nga kyogera
- 31 nti Tumira abo bonna abali mu busibe ng'oyogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama ebya Semaaya Omunekeramu nti Kubanga Semaaya abalagudde, so nze simutumanga, era abeesigisizza eky'obulimba;
- 32 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndibonereza Semaaya Omunekeramu n'ezzadde lye; taliba na musajja wa kutuula mu bantu bano, so taliraba birungi bye ndikola abantu bange, bw'ayogera Mukama: kubanga ayogedde eby'obujeemu eri Mukama.

Essuula 30

- 1 Ekigambo ekyajja eri Yeremiya okuva eri Mukama nga kyogera nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Weewandiikire mu kitabo ebigambo byonna bye nnaakakubuulira.
- 3 Kubanga ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndikyusa nate obusibe bw'abantu bange Isiraeri ne Yuda, bw'ayogera Mukama: era ndibakomyawo mu nsi gye nnawa bajajjaabwe, era baligirya.
- 4 Era bino bye bigambo Mukama bye yayogera ebya Isiraeri n'ebya Yuda.
- 5 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Tuwulidde eddoozi ery'okukankana, ery'okutya so si lya mirembe.
- 6 Mubuuze nno mulabe oba ng'omusajja alumwa okuzaala: kiki ekindabya buli musajja emikono gye nga gikutte mu mbinabina ng'omukazi alumwa okuzaala, n'amaaso gonna gafuuse ebbala lyago?
- 7 Woowe kubanga olunaku olwo lukulu so tewali lulwenkana: kye kiseera Yakobo mw'alabira ennaku; naye alirokoka mu zo.
- 8 Awo olulituuka ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama w'eggye, ndimenya ekikoligo kye ku nsingo yo, era ndikutula ebisiba byo; so bannaggwanga nga tebakyamufuula muddu nate:
- 9 naye baliba baddu ba Mukama Katonda waabwe ne Dawudi kabaka waabwe gwe ndibayimusiza.
- 10 Kale totya, ai Yakobo omuddu wange, bw'ayogera Mukama; so tokeentererwa, ai Isiraeri: kubanga, laba, ndikulokola nga nnyima wala, n'ezzadde lyo nga nnyima mu

nsi ey'obusibe bwabwe; awo Yakobo alikomawo, era alitereera, alyessa, so tewaliba alimutiisa.

- 11 Kubanga nze ndi wamu naawe, bw'ayogera Mukama, okukulokola: kubanga ndimalirawo ddala amawanga gonna gye nnakusaasaaniza, naye ggwe sirikumalira ddala: naye ndikubuulirira mpola, so sirikuleka n'akatono nga tobonerezebwa.
- 12 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Ebbwa lyo teriwonyezeka, n'ekiwundu kyo kya kitalo.
- 13 Tewali wa kukuwolereza, onyigibwe: tolina ddagala eriwonya.
- 14 Baganzi bo bonna bakwerabidde; tebakunoonya: kubanga nkufumise ekiwundu eky'omulabe, okukangavvula okw'omukambwe; kubanga obutali butuukirivu bwo bungi, kubanga ebibi byo byali byeyongedde.
- 15 Okaabira ki olw'ekiwundu kyo? obulumi bwo tebuwonyezeka: kubanga obutali butuukirivu bwo bungi, kubanga ebibi byo byali byeyongedde, kyenvudde nkukola ebyo.
- 16 Abo bonna abakulya kyebaliva baliibwa; n'abalabe bo bonna buli omu ku bo balingenda mu kusibibwa; n'abo abakunyaga baliba munyago, n'abo bonna abakuyigga ndibagabula okuba omuyiggo.
- 17 Kubanga ndikukomezaawo obulamu, era ndikuwonya ebiwundu byo, bw'ayogera Mukama; kubanga bakuyise eyagobebwa, nga boogera nti Ye Sayuuni omuntu yenna gw'atanoonya.
- 18 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndikyusa nate obusibe bw'eweema za Yakobo, era ndisaasira ennyumba ze; n'ekibuga kirizimbibwa ku kifunvu kyakyo, n'olubiri lulisigalawo ng'engeri yaalwo bw'eri.
- 19 Awo mu byo muliva okwebaza n'eddoboozi ly'abo abasanyuka: era ndibaaza, so tebaliba batono; era ndibawa ekitiibwa, so tebaliba bato.
- 20 Era n'abaana baabwe baliba nga bwe baali olubereberye, n'ekibiina kyabwe kirinywezebwa mu maaso gange, era ndibonereza bonna abalibajooga.
- 21 N'omulangira waabwe aliba munnaabwe bo, n'oyo alibafuga aliva mu bo wakati; era ndimusembeza, era alijja we ndi kubanga ani eyali ayaanze okujja we ndi? bw'ayogera Mukama.
- 22 Nammwe munaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda wammwe.
- 23 Laba, kibuyaga wa Mukama kye kiruyi kye, afulumye, kibuyaga ayera: aligwa ku mutwe gw'ababi.
- 24 Obusungu bwa Mukama omukambwe tebulidda okutuusa lw'alimala okutuukiriza, okutuusa lw'alikomekkereza omutima gwe gye gumaliridde: mu nnaku ez'oluvan-nyuma mwe mulikitegeerera.

Essuula 31

- 1 Mu biro ebyo, bw'ayogera Mukama, ndiba Katonda w'enda zonna eza Isiraeri, nabo baliba bantu bange.
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Abantu abafikkawo ku kitala baalaba ekisa mu ddungu; Isiraeri, bwe nnagenda okumuwummuza
- 3 Mukama yandabikira dda ng'ayogera nti Weewaawo, nkwagadde n'okwagala okutaliggwaawo: kyenvudde nkuwalula n'ekisa.
- 4 Ndikuzimba nate, naawe olizimbibwa, ggwe omuwala wa Isiraeri: oliyonjebwa nate n'ebitaasa byo, era olifuluma mu kuzina ku abo abasanyuka.
- 5 Olisimba nate ensuku ez'emizabbibu ku nsozi ez'e Samaliya: abasimbi balisimba ne balya ebibala byamu.
- 6 Kubanga olunaku lulituuka abo abakuumira ku nsozi za Efulayimu lwe balikaaba nti

Mugolokoke, twambuke e Sayuuni eri Mukama Katonda waffe.

- 7 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Muyimbe olwa Yakobo n'essanyu, mwogerere waggulu olw'omukulu w'amawanga: mulange, mutendereze, mwogere nti Ai Mukama, lokola abantu bo abafissewo ku Isiraeri.
- 8 Laba, ndibaggya mu nsi ey'obukiika obwa kkono, ne mbakuaanya okuva mu njuyi z'ensi ezikomererayo, era wamu nabo omuzibe w'amaaso n'awenyera, omukazi ali olubuto n'oyo alumwa okuzaala wamu: balikomawo wano ekibiina kinene.
- 9 Balijja nga bakaaba amaziga, era ndibaleeta nga beegayirira: ndibatambuza ku mabbali g'emigga egirimu amazzi, mu kkubo eggolokofu mwe batalyesittala: kubanga ndi kitaawe eri Isiraeri, ne Efulayimu ye mubereberye wange.
- 10 Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe amawanga, mukibuulirire ku bizinga ebiri ewala; mwogere nti Oyo eyasaasaanya Isiraeri ye alimukuaanya, era anaamukuumanga ng'omusumba bw'akuuma ekisibo kye
- 11 Kubanga Mukama anunudde Yakobo, era amuguze okumuggya mu mukono gw'oyo eyamusinga amaanyi.
- 12 Kale balijja ne bayimbira ku ntikko ya Sayuuni, era balikulukutira wamu awali obulungi bwa Mukama, awali eaano n'awali omwenge n'awali amafuta n'awali abaana b'embuzi n'ab'ente: n'emmeeme yaabwe eriba ng'olusuku olufukirirwa amazzi, so tebalibaako buyinike nate n'akatono.
- 13 Awo omuwala lw'alisanyukira amazina, n'abalenzi n'abakadde wamu: kubanga okukungubaga kwabwe ndikufuula essanyu, era ndibakubagiza ne mbasanyusa okuva mu buyinike bwabwe.
- 14 Era ndinyiya amasavu, emmeeme ya bakabona, n'abantu bange balinyiwa obulungi bwange, bw'ayogera Mukama.
- 15 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Eddoboozi liwuliddwa mu Laama, okukungubaga n'okukaaba amaziga mangi, Laakeeri ng'akaabira abaana be; agaana okukubagizibwa olw'abaana be, kubanga tewakyali.
- 16 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Zibiikiriza eddoboozi lyo lireme okukaaba, n'amaaso go galeme okuleeta amaziga: kubanga omulimu gwo guliweebwa empeera, bw'ayogera Mukama; era balidda nate okuva mu nsi y'omulabe.
- 17 Era waliwo essubi ery'enkomerero yo, bw'ayogera Mukama; n'abaana bo balijja nate mu nsalo yaabwe bo.
- 18 Mazima mpulidde Efulayimu nga yeekaabirako bw'ati nti Onkangavvudde ne nka-gavvulwa ng'ennyana etemanyidde kikoligo; nkyusa ggwe nange naakyusibwa; kubanga ggwe Mukama Katonda wange.
- 19 Mazima bwe nnamala okukyusibwa ne nneenya; era bwe nnamala okuyigirizibwa ne nkuba ku kisambi kyange: nakwatibwa ensonyi, weewaawo, naswala kubanga nasitula ekivume eky'omu buto bwange.
- 20 Efulayimu mwana wange omwagalwa? mwana ansanyusa? kubanga buli lwe mmwogerako obubi nkyamujjukira nnyo nnyini: omwoyo gwange kyeguvudde gunnuma ku lulwe; sirirema kumukwatirwa kisa, bw'ayogera Mukama.
- 21 Weesimbire obubonero ku kkubo, weekolere empagi ezitegeeza: teeka omutima gwo awali oluguudo, lye kkubo lye wafulumamu: komawo, ai omuwala wa Isiraeri, komawo mu bibuga byo bino.
- 22 Olituusa wa okutambula ng'odda eno n'eri, ai ggwe omuwala adda ennyuma? kubanga Mukama atonze ekigambo ekiggya mu nsi, omukazi alyetooloola omusajja.
- 23 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Oliboolyawo ne boogera nate ekigambo kino mu nsi ya Yuda ne mu bibuga byayo, bwe ndikomyawo obusibe bwabwe, nti Mukama akuwe omukisa, ggwe ekifo omubeera obutuukirivu, ggwe olusozi olw'obutukuvu.

- 24 Awo Yuda n'ebibuga byayo byonna balituula omwo wamu; abalimi n'abo abatambula nga balina ebisibo.
- 25 Kubanga nzikusizza emmeeme ekooye, na buli mmeeme eriko obuyinike ngijjuzizza.
- 26 Awo ne ndyoka nzuukuka ne ndaba; otulo twange ne tumpoomera.
- 27 Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndisiga ennyumba ya Isiraeri n'ennyumba ya Yuda n'ensigo ey'abantu n'ensigo ey'ensolo.
- 28 Awo olulituuka nga bwe nnabalabiranga okusimbula n'okumenyaamenya n'okusuula n'okuzikiriza n'okubonyaabonya; bwe ntyo bwe ndibalabirira okuzimba n'okusimba, bw'ayogera Mukama.
- 29 Mu nnaku ezo nga tebakayogera nate nti Bakitaabwe balidde ezabbibu ezinyuunyuntula, n'amannyo g'abaana ganyenyeera.
- 30 Naye buli muntu alifa olw'obutali butuukirivti bwe ye: buli muntu alya ezabbibu ezinyuunyuntula, amannyo ge ge galinyenyeera.
- 31 Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndiragaana endagaano empya n'ennyumba ya Isiraeri n'ennyumba ya Yuda:
- 32 si ng'endagaano bwe yali gye nnalagaana ne bajjajaabwe ku lunaku lwe nnabakwata ku mukono okubaggya mu nsi y'e Misiri; endagaano yange eyo ne bagimenya newakubadde nga nnali mbawasizza, bw'ayogera Mukama.
- 33 Naye eno ye ndagaano gye ndiragaana n'ennyumba ya Isiraeri oluvannyuma lw'ennaku ezo, bw'ayogera Mukama; nditeeka amateeka gange mu bitundu byabwe eby'omunda, era mu mutima gwabwe mwe ndigawandiikira; nange naabanga Katonda waabwe, nabo banaabanga bantu bange:
- 34 nga olwo omuntu tokyayigiriza munne na buli muntu muganda we nga boogera nti Many Mukama: kubanga bonna balimmanya, okuva ku muto ku bo okutuuka ku mukulu ku bo, bw'ayogera Mukama: kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n'ekibi kyabwe sirikijjukira nate.
- 35 Bw'atyo bw'ayogera Mukama awa enjuba okwakanga emisana n'okulagira okw'omwezi n'emmunyeenye okwakanga ekiro, afukula ennyanja amayengo gaayo ne gawuuma; Mukama w'eggye lye linnya lye, nti
- 36 Ebiragirowo bino bwe biriva mu maaso gange, bw'ayogera Mukama, kale n'ezzadde lya Isiraeri lirireka okuba eggwanga mu maaso gange ennaku zonna.
- 37 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Eggulu eriri waggulu oba nga liyinzika okugerebwa, n'emisingi gy'ensi oba nga giyinzika okukeberwa wansi, kale nange ndisuula ezzadde lyonna erya Isiraeri olwa byonna bye bakola, bw'ayogera Mukama.
- 38 Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, ekibuga lwe kirizimbirwa Mukama okuva ku kigo kya Kananeri okutuuka ku mulyango ogw'oku nsonda.
- 39 Oliboolyawo omugwa ogugera ne gufuluma nga guttulukuse okutuuka ku lusozi Galebu, era gulikyuka ne gutuuka ku Gowa.
- 40 N'ekiwonvu kyonna eky'emirambo n'eky'evvu n'ennimiro zonna okutuuka ku kagga Kidulooni, okutuuka ku nsonda ey'omulyango ogw'embalaasi okwolekera ebuvanjuba, kiriba kitukuvu eri Mukama: so tekirisimbulwa so tekirisuulibwa nate emirembe gyonna.

Essuula 32

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya okuva eri Mukama mu mwaka ogw'ekkumi ogwa Zeddekiya kabaka wa Yuda, gwe gwali omwaka ogw'ekkumi n'omunaana ogwa Nebukadduleeza.
- 2 Awo mu biro ebyo eggye lya kabaka w'e Babulooni lyali lizingizizza Yerusaalemi: ne Yeremiya nnabbi yali asibiddwa mu luggya olw'abambowa, olwali mu nnyumba ya

kabaka wa Yuda.

- 3 Kubanga Zeddekiya kabaka wa Yuda yali amusibye ng'ayogera nti Kiki ekikulaguza n'oyogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndiwaayo ekibuga kino mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, naye alikimenya;
- 4 ne Zeddekiya kabaka wa Yuda taliwona mu mukono gw'Abakaludaaya, naye talirema kuweebwayo mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, era alyogera naye akamwa n'akamwa, n'amaaso ge galiraba amaaso g'oyo;
- 5 era alitwala Zeddekiya e Babulooni, era alibeera eyo okutuusa lwe ndimujjira, bw'ayogera Mukama: newakubadde nga mulwana n'Abakaludaaya, temuliraba kisa.
- 6 Awo Yeremiya n'ayogera nti Ekigambo kya Mukama kyajja gye ndi nga kyogera nti
- 7 Laba, Kanameri mutabani wa Sallumu kojja wo alijja gy'oli ng'ayogera nti Weegulire ennimiro yange eri mu Anasosi: kubanga okuginunula kukwo.
- 8 Awo Kanameri omwana wa kojja wange n'ajja gye ndi mu luggya olw'abambowa, ng'ekigambo bwe kyali ekya Mukama, n'aamba nti Nkwegayiridde, gula ennimiro yange eri mu Anasosi ekiri mu nsi ya Benyamini: kubanga obusika bubwo, n'okuginunula kukwo; weegulire wekka. Kale ne ndyoka ntegeera ng'ekyo kye kigambo kya Mukama.
- 9 Ne ngula ennimiro eyali mu Anasosi eri Kanameri omwana wa kojja wange, ne mmupimira effeeza, sekeri eza ffeeza kkumi na musanvu.
- 10 Ne mpandiika erinnya lyange ku kiwandiike ne nkissaako akabonero, ne mpita abajulirwa ne mmupimira effeeza mu minzaani.
- 11 Awo ne ntoola ekiwanduke eky'okugula, ekyo ekiteekeddwako akabonero ng'etteeka n'empisa bwe biri, era n'ekyo ekitaali kisibe:
- 12 ne mpaayo ekiwandiike eky'okugula eri Baluki mutabani wa Neriya mutabani wa Maseya, Kanameri omwana wa kojja wange nga waali n'abajulirwa nga weebali abaawandiika amannya gaabwe ku kiwandiike eky'okugula mu maaso g'Abayudaaya bonna abaatuulanga mu luggya olw'abambowa.
- 13 Ne nkuutira Baluki mu maaso gaabwe nga njogera nti
- 14 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Ddira ebiwandiike bino, ekiwandiiko kino eky'okugula, ekyo ekiteekeddwako akabonero era n'ekiwandiike kino ekitali kisibe, obitereke mu kintu eky'ebbumba; bimale ennaku nnyingi.
- 15 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye Katonda wa Isiraeri nti Oliboolyawo ennyumba n'ennimiro n'ensuku ez'emizabbibu ne bigulirwa nate mu nsi eno.
- 16 Awo nga mmaze okuwaayo ekiwandiike eky'okugula eri Baluki mutabani wa Neriya, ne nsaba Mukama nga njogera nti
- 17 Ai Mukama Katonda! laba, watonda eggulu n'ensi n'obuyinza bwo obungi n'omukono gwo ogwagololwa; tewali kigambo kikulema:
- 18 akola enkumi n'enkumi eby'ekisa, n'osasula obutali butuukirivu bwa bakitaabwe mu kifuba ky'abaana baabwe abaddawo; Katonda omukulu ow'amaanyi, Mukama ow'eggye lye linnya lye:
- 19 omukulu mu kuteesa: era ow'amaanyi mu kukola emirimu: amaaso go gatunuulira amakubo gonna ag'abaana b'abantu; okuwa buli muntu ng'amakubo ge bwe gali era ng'ebibala by'ebikolwa bye bwe biri:
- 20 eyassaawo obubonero n'eby'amagero mu nsi y'e Misiri ne leero, mu Isiraeri era ne mu bantu abalala; ne weefunira erinnya nga leero:
- 21 n'oggya abantu bo Isiraeri mu nsi y'e Misiri n'obubonero n'eby'amagero n'engalo ez'amaanyi n'omukono ogwagololwa n'entiisa nnyingi;
- 22 n'obawa ensi eno gye walayirira bajjajjaabwe okubawa, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki;
- 23 ne bayingira ne bagirya; naye ne batagondera ddooboozi lyo, so tebaatambulira mu

- mateeka go; tebaakolanga kigambo kyonna ku ebyo byonna bye wabalagira okukola: kyewava obaleetako obubi buno bwonna
- 24** laba entuumo, zituuse mu kibuga okukimenya; ekibuga n'ekiweebwayo mu mukono gw'Abakalu daaya abalwana nakyo olw'ekitala n'enjala ne kawumpuli: era ebyo by wayogera bituukiridde; era, laba obitunuulidde.
- 25** Era oambye ai Mukama Katonda, nti Weegulire ennimiro n'ebintu oyite abajulirwa era naye ekibuga kiweereddwayo mu mukono gw'Abakaludaaya.
- 26** Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Yereimiya nga kyogera nti
- 27** Laba, nze ndi Mukama Katonda w'abo bonna abalina omubiri: waliwo ekigambo kyonna ekimema?
- 28** Mukama kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndiwaayo ekibuga kino mu mukono gw'Abakaludaaya mu mukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni, era alikimenya:
- 29** n'Abakaludaaya abawanyisa ekibuga kino balijja balikoleeza ekibuga kino ne bakyokya n'ennyumba ze baayotererezangako waggulu obubaane Baali, ne bafukira bakatonda abalala ebiweebwayo ebyokunywa okunsunguwaza.
- 30** Kubanga abaana ba Isiraeri n'abaana ba Yuda baakakola ebyali ebibi mu maaso gange ebyereere okuva mu buto bwabwe kubanga abaana ba Isiraeri bansunguwaza busunguwaza n'omulimu ogw'engalo zaabwe, bw'ayogera Mukama.
- 31** Kubanga ekibuga kino kyaleetanga obusungu bwange n'ekiruyi kyange okuva ku lunaku lwe baakizimba ne leero; nkijjulule okukiggya mu maaso gange:
- 32** olw'obubi bwonna obw'abaana ba Isiraeri n'obw'abaana ba Yuda bwe baakola okunsunguwaza, bo ne kakabaka baabwe, abakungu baabwe, bakabona baabwe ne bannabbi baabwe, n'abasajja ba Yuda n'abali mu Yerusalemi.
- 33** Era bankubye nkoona so si maaso: era newakubadde nga nabayigiriza, nga ngolokoka mu makya ne mbayigiriza; naye tebaawulirizanga okukkiriza okuyiga.
- 34** Naye ne bateeka emizizo gyabwe mu nnyumba eyitibwa erinnya lyange okugyonona.
- 35** Era baazimba ebifo ebigulumivu ebya Baali ebiri mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu, okuyisa batabani baabwe n'abawala baabwe mu muliro eri Moleki; kye sibalagiranga so tekijjanga mu mwoyo gwange, bakole omuzizo ogwo; okwonoonyesa Yuda.
- 36** Kale nno bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri eby'ekibuga kino kye mwogerako nti Kiweereddwayo mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, olw'ekitala n'enjala ne kawumpuli, nti
- 37** Laba, ndibakuaanya okubaggya mu nsi zonna gye nnabagobera mu busungu bwange ne mu kiruyi kyange ne mu bukambwe obungi: era ndibakomyawo mu kifo kino, era ndibatuuza mirembe:
- 38** era banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe:
- 39** era ndibawa omutima gumu n'ekkubo limu banyenga ennaku zonna; balyoke babenga bulungi bo n'abaana baabwe abaliddawo:
- 40** era ndiragaana nabo endagaano eteriggwaawo, obutakyuka okubaleka okubakola obulungi; era nditeeka entiisa yange mu mitima gyabwe baleme okunvaako.
- 41** Weewaawo, ndibasanyukira okubakolanga obulungi, era sirirema kubasimba mu nsi eno n'omutima gwange gwonna n'emmeeme yange yonna.
- 42** Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Nga bwe ndeese obubi buno bwonna obunene ku bantu bano, bwe ntyo bwe ndibaleetako obulungi bwonna bwe nnabasuu-bizza.
- 43** Kale ennimiro zirigulirwa mu nsi eno gye mwogerako nti Ezise, temuli muntu newakubadde ensolo; eweereddwayo mu mukono gw'Abakaludaaya.

44 Abantu baligula ennimiro n'ebintu, ne bawandiika amannya gaabwe ku biwandiike ne babiteekako obubonero ne bayita abajulirwa mu nsi ya Benyamini ne mu bifo ebiriraanye Yersaalemi ne mu bibuga bya Yuda ne mu bibuga eby'omu nsi ey'ensozi ne mu bibuga eby'omu nsenyi ne mu bibuga eby'obukiika obwa ddyo: kubanga ndikomyawo obusibe bwabwe, bw'ayogera Mukama.

Essuula 33

- 1** Era nate ekigambo kya Mukama ne kijjira Yeremiya omulundi ogw'okubiri, bwe yali ng'akyasibibwa mu luggya olw'abambowa, nga kyogera nti
- 2** Bw'ati bw'ayogera Mukama akikola, Mukama akibumba okukinyweza Mukama lye linnya lye; nti
- 3** Mpita, nange naakuyitaba ne nkwolesa ebikulu n'ebizibu by'otomanyi.
- 4** Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri eby'ennyumba ez'omu kibuga kino n'eb'ennyumba za bassekabaka ba Yuda ezaabizibwa okulwana ne nkomera n'ekitala, nti
- 5** Bajja okulwana n'Abakaludaaya, naye kuzijjuza bujjuza mirambo gya bantu be nzise n'obusungu bwange n'ekiruyi kyange, obubi bwabwe bwonna bwe bunkisizisizza amaaso gange ekibuga kino:
- 6** Laba, ndikireetera obulamu n'okuwonyezebwa, nange ndibawonya; era ndibabikkulira emirembe n'amazima bingi nnyo nnyini.
- 7** Era ndikomyawo obusibe bwa Yuda n'obusibe bwa Isiraeri, era ndibazimba ng'olubereberye.
- 8** Era ndibanaazaako obutali butuukirivu bwabwe bwonna bwe bannyonoona; era ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe bwonna bwe bannyonoona era bwe bansobya.
- 9** N'ekibuga kino kiriba gye ndi erinnya ery'essanyu, n'ettendo n'ekitiibwa, mu maaso g'amawanga gonna ag'oku nsi agaliwulira obulungi bwonna bwe mbakola, ne batya ne bakankana olw'obulungi bwonna n'olw'emirembe gyonna bye nkifunira.
- 10** Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Oliboolyawo ne muwulirwa mu kifo kino kye mwogerako nti Kizise, temuli muntu newakubadde ensolo, mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yersaalemi ezizise nga temuli muntu newakubadde azibeeramu, era nga temuli nsolo,
- 11** eddoozi ery'okusanyuka n'eddoozi ery'okujaguza, eddoozi ly'awasa omugole n'eddoozi ly'omugole, eddoozi ly'abo aboogera nti Mumwebaze Mukama w'eggye kubanga Mukama mulungi, kubanga okusaasira kwe kwa lubeerera: n'ery'abo abaleeta ssaddaaka ez'okwebaza mu nnyumba ya Mukama. Kubanga ndikomyawo obusibe obw'ensi ng'olubereberye, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 12** Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Oliboolyawo ne mubeera mu kifo kino ekizise, nga temuli muntu era nga temuli nsolo, ne mu bibuga byakyo byonna, olusisira olw'abasumba abagalamiza ebisibo byabwe.
- 13** Ebisibo biriyita nate wansi w'emikono gy'oyo abibala mu bibuga eby'omu nsi ey'ensozi ne mu bibuga eby'omu nsi ey'ensenyi ne mu bibuga eby'obukiika obwa ddyo ne mu nsi ya Benyamini ne mu bifo ebiriraanye Yersaalemi ne mu bibuga bya Yuda, bw'ayogera Mukama.
- 14** Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndituukiriza ekigambo ekyo ekirungi kye nnayogera ku nnyumba ya Isiraeri ne ku nnyumba ya Yuda.
- 15** Mu nnaku ezo ne mu biro ebyo ndimereza Dawudi Etabi ery'obutuukirivu; era oyo alituukiriza eby'obutuukirivu n'eb'ensonga mu nsi.
- 16** Mu nnaku ezo Yuda alirokoka ne Yersaalemi kirituula mirembe: na lino lye linnya lye kirituumibwa, nti Mukama bwe butuukirivu bwaffe.

- 17 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Dawudi taabulwenga musajja wa kutuula ku ntebe ey'ennyumba ya Isiraeri emirembe gyonna;
- 18 so ne bakabona, Abaleevi, tebaabulwenga musajja mu maaso gange ow'okuwangayo ebiweebwayo ebyokebwa n'okwokya ebitone n'okusalanga ssaddaaka olutata.
- 19 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Yereimiya nga kyogera nti
- 20 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Oba nga muyinza okumenya endagaano yange ey'emisana n'endagaano yange ey'ekiro, waleme okubaawo emisana n'ekiro mu ntuuko zaabyo;
- 21 kale n'endagaano eyinzika okumenyeka eri Dawudi omuddu wange, aleme okuba n'omwana okufugira ku ntebe ye; n'eri Abaleevi, bakabona, abaweereza bange.
- 22 Ng'eggye ery'omu ggulu bwe litayinzika kubalibwa, so n'omusenyu ogw'ennyanja okugerebwa; bwe ntyo bwe ndyaza ezzadde lya Dawudi omuddu wange n'Abaleevi abampeereza.
- 23 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Yereimiya nga kyogera nti
- 24 Tolowooza abantu bano bye boogedde! nti Enda zombi Mukama ze yalonda azisudde? bwe batyo bwe banyooma abantu bange baleme okuba nate eggwanga mu maaso gaabwe.
- 25 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Endagaano yange ey'emisana n'ekiro oba nga tenywa- era, oba nga sassaawo biragirowo by'eggulu n'ensi;
- 26 kale ndisuula n'ezzadde lya Yakobo n'erya Dawudi omuddu wange, nneme okutwala ku zzadde lye okufuganga ezzadde lya Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo: kubanga ndikomyawo obusibe bwabwe, era ndibasaasira.

Essuula 34

- 1 Ekigambo ekyajjira Yereimiya okuva eri Mukama, Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni n'eggye lye lyonna n'ensi zonna eza bakabaka ez'oku nsi zaatwala n'amawanga gonna bwe baalwana ne Yerusaleemi n'ebibuga byakyo byonna, nga kyogera nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Genda ogambe Zeddekiya kabaka wa Yuda omubuulire nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndigabula ekibuga kino mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, era alikyokya omuliro:
- 3 so naawe toliwona mu mukono gwe, naye tolirema kuwambibwa n'oweebwayo mu mukono gwe; n'amaaso go galiraba amaaso ga kabaka w'e Babulooni, era alyogera naawe akamwa n'akamwa, era oligenda e Babulooni.
- 4 Era naye wulira ekigambo kya Mukama, ai Zeddekiya kabaka wa Yuda; bw'ati bw'ayogera Mukama ku ggwe nti Tolifa na kitala;
- 5 olifa mirembe; era ng'okwokya bwe kwabanga okwa bajjajjaabo bassekabaka ab'edda abaakusooka, bwe batyo bwe balikukolera okwokya; era balikukungubagira nga boogera nti Woowe, Mukama waffe! kubanga njogedde ekigambo ekyo, bw'ayogera Mukama.
- 6 Awo Yereimiya nnabbi n'agamba Zeddekiya kabaka wa Yuda ebigambo ebyo byonna mu Yerusaleemi,
- 7 eggye lya kabaka w'e Babulooni bwe lyali nga lirwana ne Yerusaleemi n'ebibuga byonna ebya Yuda ebyali bisigaddewo, Lakisi ne Azeka; kubanga ebyo byokka bye byasigalawo ku bibuga bya Yuda nga biriko enkomera.
- 8 Ekigambo ekyajjira Yereimiya okuva eri Mukama, kabaka Zeddekiya bwe yali ng'amaze okulagaana endagaano n'abantu bonna abaali mu Yerusaleemi, okubalangira eddembe;
- 9 buli muntu ate omuddu we na buli muntu ate omuzaana we, oba nga Omwebbulaniya, musajja oba mukazi, okuba ow'eddembe; waleme okubaawo abafuula abaddu,

Omuyudaaya muganda we:

- 10 awo abakungu bonna n'abantu bonna ne bagonda, abaali balagaanye endagaano buli muntu okuta omuddu we na buli muntu okuta omuzaana we okuba ow'eddembe, baleme kufuulibwa abaddu nate; ne bagonda ne babata:
- 11 naye oluvannyuma ne bakyuka, ne bakomyawo abaddu n'abazaana be baali batadde, ne babafuga okuba abaddu n'abazaana:
- 12 ekigambo kya Mukama kyekyava kijjira Yeremiya okuva eri Mukama nga kyogera nti
- 13 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Nalagaana endagaano ne bajjajjammwe ku lunaku kwe nnabaggira mu nsi y'e Misiri mu nnyumba ey'obuddu, nga njogera nti
- 14 Emyaka musanvu bwe giggwangako, mutanga buli muntu muganda we Omwebbulaniya gwe baakuguza era eyakuweerereza emyaka mukaaga, omutanga okuba ow'eddembe okuva w'oli: naye bajjajjammwe ne batampulira, so tebaatega kutu kwabwe.
- 15 Nammwe kaakano mwali mukyuse era nga mukoze ekiri mu maaso gange ekirungi, nga mulangirira eddembe buli muntu eri munne; era mwali mulagaanidde endagaano mu maaso gange mu nnyumba etuumiddwa erinnya lyange:
- 16 Naye ne mukyuka ne muvumisa erinnya lyange, ne mukomyawo buli muntu omuddu we na buli muntu omuzaana we, be mwali mutadde okuba ab'eddembe nga bwe baagala; ne mubafuga okuba gye muli abaddu n'abazaana.
- 17 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Temumpulidde okulangira eddembe buli muntu eri muganda we na buli muntu eri munne: laba, nze mbalangira mmwe eddembe, bw'ayogera Mukama, eri ekitala n'eri kawumpuli n'eri enjala; era ndibawaayo okuyuugu-umizibwa eruuyi n'eruuyi mu nsi zonna eza bakabaka ez'oku ttaka.
- 18 Era ndiwaayo abasajja abasobya endagaano yange abatakoze bigambo bya ndagaano gye baalagaanira mu maaso gange, bwe baasala mu nnyana ebitundu ebibiri ne bayita wakati w'ebitundu byayo;
- 19 Abakungu ba Yuda n'abakungu ba Yerusalemi, abalaawe ne bakabona n'abantu bonna ab'omu nsi abaayita wakati w'ebitundu by'ennyana;
- 20 okuwaayo ndibawaayo mu mukono gw'abalabe baabwe ne mu mukono gw'abo abanoonya obulamu bwabwe: n'emirambo gyabwe giriba nmere eri ennyonyi ez'omu ggulu n'eri ensolo ez'omu nsi.
- 21 Era Zedekiya kabaka wa Yuda n'abakungu be ndibawaayo mu mukono gw'abalabe baabwe, ne mu mukono gw'abo abanoonya obulamu bwabwe, ne mu mukono gw'eggye lya kabaka w'e Babulooni ababavuddeko abambuse.
- 22 Laba, ndiragira, bw'ayogera Mukama, ne mbakomyawo ku kibuga kino; era balirwana nakyo ne bakimenya ne bakyokya omuliro: era ndifuula ebibuga bya Yuda amatongo nga temuli abibeeramu.

Essuula 35

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya ekyava eri Mukama mu mirembe gya Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda nga kyogera nti
- 2 Genda eri ekika eky'Abalekabu oyogere nabo obayingize mu nnyumba ya Mukama, mu kisenge ekimu, obawe omwenge okunywa.
- 3 Kale ne ntuala Yaazaniya mutabani wa Yeremiya mutabani wa Kabazziniya ne baganda be ne batabani be bonna n'ekika kyonna eky'Abalekabu;
- 4 ne mbayingiza mu nnyumba ya Mukama, mu kisenge kya batabani ba Kanani mutabani wa Igudaliya omusajja wa Katonda, ekyaliraana ekisenge eky'abakungu, ekyali waggulu w'ekisenge kya Maaseya mutabani wa Sallumu omuggazi:

- 5 ne nteeka ebita ebijjudde omwenge n'ebikompe mu maaso g'abaana b'ekika eky' Abalekabu, ne mbagamba nti Munywe omwenge.
- 6 Naye bo ne boogera nti Tetuunywe ku mwenge: kubanga Yonadaabu mutabani wa Lekabu jjajjaffe yatulagira ng'ayogera nti Temunywanga ku mwenge, mmwe newakubadde batabani bammwe, emirembe gyonna:
- 7 so temuzimbanga nnyumba so temusiganga nsigo, so temusimbanga lusuku lwa mizabbibu so temubanga nazo: naye munaamalanga ennaku zammwe zonna mu weema; muwangaale ennaku nnyingi mu nsi gye mutuulamu.
- 8 Era twagondera eddoboosi lya Yonadaabu mutabani wa Lekabu jjajjaffe mu byonna bye yatukuutira, obutanywanga ku mwenge ennaku zaffe zonna, ffe ne bakazi baffe ne batabani baffe ne bawala baffe;
- 9 newakubadde okwezimbira ennyumba okutuulamu: so tetulina lusuku lwa mizabbibu newakubadde ennimiro newakubadde ensigo.
- 10 naye twabanga mu weema ne tugonda ne tukola nga byonna bwe byali Yonadaabu jjajjaffe bye yatulagira.
- 11 Naye olwatuuka Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni bwe yatabaala ensi, ne twogera nti Mujje tugende e Yersaalemi olw'okutya eggye ery' Abakaludaaya n'olw'okutya eggye ery' Abasuuli; kyetuva tubeera e Yersaalemi.
- 12 Awo ekigambo kya Mukama ne kiryoka kijjira Yeremiya nga kyogera nti
- 13 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Genda obagambe abasajja ba Yuda n'abali mu Yersaalemi nti Temukkirize kuyigirizibwa okuwuliriza ebigambo byange? bw'ayogera Mukama.
- 14 Ebigambo bya Yonadaabu mutabani wa Lekabu bye yalagira batabani be, obutanywanga ku mwenge, byatuukirizibwa, so tebanywako na guno gujwa, kubanga bagondera ekiragiro kya jjajjaabwe: naye nze nayogera nammwe, nga ngolokoka mu makya ne njogera; so temumpulirizanga.
- 15 N'okutuma mbatumidde abaddu bange bonna bannabbi, nga ngolokoka mu makya ne mbatuma, nga njogera nti Mudde nno buli muntu okuleka ekkubo lye ebibi, mulongoose ebikolwa byammwe, so temugobereranga bakatonda abalala okubaweerezanga, kale mulituula mu nsi gye nnawa mmwe ne bajjammwe; naye temuteganga kutu kwammwe so temumpulirizanga.
- 16 Kubanga batabani ba Yonadaabu mutabani wa Lekabu batuukirizza ekiragiro kya jjajjaabwe kye yabalagira, naye abantu bano tebampulirizza;
- 17 Mukama, Katonda ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndireeta ku Yuda ne ku abo bonna abali mu Yersaalemi obubi bwonna bwe nnaaka-boogerako: kubanga nayogera nabo, naye ne batawulira; era mbayise, naye ne batayitaba.
- 18 Awo Yeremiya n'agamba ekika eky' Abalekabu nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Kubanga mugondede ekiragiro kya Yonadaabu jjajjammwe ne mukwata byonna bye yakuutira ne mukola nga byonna bwe byali bye yabalagira;
- 19 Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bw'ati nti Yonadaabu mutabani wa Lekabu taabulwenga musajja wa kuyimirira mu maaso gange ennaku zonna.

Essuula 36

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okuna ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda ekigambo kino ne kijjira Yeremiya ekyava eri Mukama nga kyogera nti
- 2 Ddira omuzingo gw'ekitabo, owandiike omwo ebigambo byonna bye nnakubuuliranga eri Isiraeri n'eri Yuda n'eri amawanga gonna, okuva ku lunaku lwe nnayogera naawe,

okuva ku mirembe gya Yosiya, ne leero.

- 3 Mpozzi ennyumba ya Yuda baliwulira obubi bwonna bwe nteesa okubakola; era badde buli muntu okuleka ekkubo lye ebbi; ndyoke nsonyiwe obutali butuukirivu bwabwe n'ekibi kyabwe.
- 4 Awo Yeremiya n'ayita Baluki mutabani wa Neriya; Baluki n'awandiika ku muzingo gw'ekitabo ng'aggya mu kamwa ka Yeremiya ebigambo byonna ebya Mukama bye yali amubuulidde.
- 5 Awo Yeremiya n'alagira Baluki ng'ayogera nti Nsibiddwa; siyinza kuyingira mu nnyumba ya Mukama:
- 6 kale genda ggwe osome mu muzingo gw'owandiise ng'oggya mu kamwa kange ebigambo bya Mukama, mu matu g'abantu mu nnyumba ya Mukama ku lunaku olw'okusiibirako: era obisomanga ne mu matu g'aba Yuda bonna abava mu bibuga byabwe.
- 7 Mpozzi balireeta okwegayirira kwabwe mu maaso ga Mukama, ne badda buli muntu okuleka ekkubo lye ebbi: kubanga obusungu n'ekiruyi Mukama by'ayogedde eri abantu bano binene.
- 8 Awo Baluki mutabani wa Neriya n'akola nga byonna bwe byali Yeremiya nnabbi bye yamulagira, ng'asoma mu kitabo ebigambo bya Mukama mu nnyumba ya Mukama.
- 9 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okutaano ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda, mu mwezi ogw'omwenda, abantu bonna abaali mu Yerusaalemi n'abantu bonna abaava mu bibuga bya Yuda ne bajja e Yerusaalemi ne balangira okusiiba mu maaso ga Mukama.
- 10 Awo Baluki n'asoma mu kitabo ebigambo bya Yeremiya mu nnyumba ya Mukama, mu kisenge kya Gemaliya mutabani wa Safani omuwandiisi, mu luggya olw'engulu awayingirirwa mu mulyango omuggya ogw'ennyumba ya Mukama, mu matu g'abantu bonna.
- 11 Awo Mikaaya mutabani wa Gemaliya mutabani wa Safani bwe yawulira mu kitabo ebigambo byonna ebya Mukama,
- 12 n'aserengeta mu nnyumba ya kabaka mu kisenge eky'omuwandiisi: kale, laba, abakungu bonna nga batudde omwo, Erisaama omuwandiisi ne Deraya mutabani wa Semaaya ne Erunasani mutabani wa Akubooli ne Gemaliya mutabani wa Safani ne Zeddekiya mutabani wa Kananiya n'abakungu bonna.
- 13 Awo Mikaaya n'alyoka ababuulira ebigambo byonna bye yali awulidde, Baluki bw'asomye ekitabo mu matu g'abantu.
- 14 Abakungu bonna kyeabaava batuma Yekudi mutabani wa Nesaniya mutabani wa Seremiya mutabani wa Kuusi eri Baluki nga boogera nti Ddira omuzingo gw'ekitabo mw'osomye mu matu g'abantu mu mukono gwo, ojje. Awo Baluki mutabani wa Neriya n'addirira omuzingo mu mukono gwe n'ajja gye baali.
- 15 Ne bamugamba nti Tuula nno obisome mu matu gaffe. Kale Baluki n'abisoma mu matu gaabwe.
- 16 Awo olwatuuka bwe baamala okuwulira ebigambo byonna, ne batunulaganako nga batya, ne bagamba Baluki nti Tetuuleme kubuulira kabaka ebigambo ebyo byonna.
- 17 Ne babuuzza Baluki nga boogera nti Tubuulire nno, wawandiika otya ebigambo ebyo byonna ng'oggya mu kamwa ke?
- 18 Awo Baluki n'abaddamu nti Ye yambuulira ebigambo ebyo byonna n'akamwa ke, nange ne mbiwandiika ne buyino.
- 19 Awo abakungu ne bagamba Baluki nti Genda weekweke, ggwe ne Yeremiya; so omuntu yenna aleme okumanya gye muli.
- 20 Awo ne bayingira eri kabaka mu luggya; naye nga bamaze okutereka omuzingo mu kisenge kya Erisaama omuwandiisi; ne babuulira ebigambo byonna mu matu ga

kabaka.

- 21 Awo kabaka n'atuma Yekudi okukima omuzingo: n'aguggya mu kisenge kya Erisaama omuwandiisi. Awo Yekudi n'agusoma mu matu ga kabaka ne mu matu g'abakungu bonna abaayimirira okuliraana kabaka.
- 22 Awo kabaka yali atudde mu nnyumba ey'ebiro by'obutiti mu mwezi ogw'omwenda: era omuliro nga guli mu lubumbiro nga gwaka mu maaso ge.
- 23 Awo olwatuuka Yekudi bwe yamala okusoma empapula ssatu oba nnya, kabaka n'agusala n'akambe ak'omuwandiisi n'agusuula mu muliro ogwali mu lubumbiro, omuzingo ne guggiira mu muliro ogwali mu lubumbiro.
- 24 So tebaatyia so tebaayuzza byambalo byabwe, kabaka newakubadde abaddu be n'omu abaawulira ebigambo ebyo byonna.
- 25 Era nate Erunasani ne Deraya ne Gemaliya baali bamwegayiridde kabaka obutayokya muzingo; naye n'atakiriza kubawulira.
- 26 Awo kabaka n'alagira Yerameeri omwana wa kabaka ne Seraya mutabani wa Azuliy-eeri ne Seremiya mutabani wa Abudeeri okukwata Baluki omuwandiisi ne Yeremiya nnabbi: naye Mukama n'abakweka.
- 27 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Yeremiya, kabaka ng'amaze okwokya omuzingo n'ebigambo Baluki bye yawandiika ng'abiggya mu kamwa ka Yeremiya, nga kyogera nti
- 28 Ddira nate omuzingo omulala, owandiike omwo ebigambo byonna ebyasooka ebyali mu muzingo ogw'olubereberye Yekoyakimu kabaka wa Yuda gw'ayokezza.
- 29 Era ebya Yekoyakimu kabaka wa Yuda olyogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Oyokezza omuzingo guno ng'oyogera nti Kiki ekikuwandiisizza omwo ng'oyogera nti Kabaka w'e Babulooni talirema kujja n'azikiriza ensi eno, era alimalawo omwo omuntu n'ensolo?
- 30 Mukama kyava ayogera bw'ati ebya Yekoyakimu kabaka wa Yuda nti Taliba na wa kutuula ku ntebe ya Dawudi n'omu: n'omulambo gwe gulusuulibwa eri olubugumu emisana n'eri empewo ekiro.
- 31 Era ndimubonereza n'ezzadde lye n'abaddu be olw'obutali butuukirivu bwabwe; era ndibaleetako ne ku abo abali mu Yerusalemi ne ku basajja ba Yuda obubi bwonna bwe nnaakaboogerako, naye ne batawulira.
- 32 Awo Yeremiya n'addirira omuzingo ogw'okubiri, n'agumuwa Baluki omuwandiisi mutabani wa Neriya; ye n'awandiika omwo ng'aggya mu kamwa ka Yeremiya ebigambo byonna eby'omu kitabo Yekoyakimu kabaka wa Yuda kye yayokya mu muliro: era ne byongerwako ebigambo bingi ebibifaanana.

Essuula 37

- 1 Awo Zeddekiya mutabaai wa Yosiya n'afuga nga ye kabaka mu kifo kya Koniya mutabani wa Yekoyakimu Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni gwe yafuula kabaka mu nsi ya Yuda.
- 2 Naye teyawuliranga bigambo bya Mukama bye yayogerera mu nnabbi Yeremiya, ye newakubadde abaddu be newakubadde abantu ab'omu nsi.
- 3 Awo Zeddekiya kabaka n'atuma Yekukaali mutabani wa Seremiya ne Zeffaniya mutabani wa Maaseya kabona eri nnabbi Yeremiya, ng'ayogera nti Tusabire nno eri Mukama Katonda waffe.
- 4 Era Yeremiya yayingiranga n'afulumanga mu bantu: kubanga baali tebaanamuteeka mu kkomera.
- 5 Era eggye lya Falaawo lyali livudde mu Misiri; awo Abakaludaaya abaali bazingizza Yerusalemi bwe baawulira ebigambo byabwe, ne basaasaana okuva ku Yerusalemi.

- 6 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira nnabbi Yeremiya nga kyogera nti
- 7 Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Bwe muti bwe muba mugamba kabaka wa Yuda eyabatuma gye ndi okumbuuza; nti Laba, eggye lya Falaawo erita-badde okubayamba liridda mu Misiri mu nsi yaabalyo.
- 8 Era Abakaludaaya balikomawo ne balwanyisa ekibuga kino; era balikimenya ne bakyokya omuliro.
- 9 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Temwerimba nga mwogera nti Abakaludaaya tebalirema kutuvaako: kubanga tebalibavaako.
- 10 Kuba newakubadde nga mwandigobye eggye lyonna ery' Abakaludaaya abalwana nammwe ne musigala mu bo ab'ebiwundu bokka, era naye bandigolokose buli muntu mu weema ye ne bookya ekibuga kino omuliro:
- 11 Awo olwatuuka eggye ery' Abakaludaaya bwe lyamala okusaasaana okuva ku Yerusaalemi olw'okutya eggye lya Falaawo,
- 12 kale Yeremiya n'afuluma mu Yerusaalemi okugenda mu nsi ya Benyamini okuweebwa omugabo gwe eyo wakati mu bantu.
- 13 Awo bwe yali mu mulyango gwa Benyamini, omukulu w'abambowa yali ali eyo, erinnya lye Iriya mutabani wa Seremiya mutabani wa Kananiya; n'akwata Yeremiya nnabbi ng'ayogera nti Osenga Abakaludaaya.
- 14 Awo Yeremiya n'ayogera nti Olimba; sisenga Bakaludaaya; naye n'atamuwulira: kale Iriya n'akwata Yeremiya n'amuleeta eri abakungu.
- 15 Awo abakungu ne basunguwalira Yeremiya ne bamukuba ne bamuteeka mu kkomera mu nnyumba ya Yonasaani omuwandiisi; kubanga gye baali bafudde ekkomera.
- 16 Awo Yeremiya bwe yatuuka mu nnyumba ey'obunnya ne mu buyu, era Yeremiya bwe yali ng'amaze ennaku nnyingi omwo;
- 17 awo Zeddekiya kabaka n'atuma n'amukima: kabaka n'amubuuza kyama mu nnyumba ye n'ayogera nti Waliwo ekigambo kyonna ekivudde eri Mukama? Awo Yeremiya n'ayogera nti Weekiri. Era n'ayogera nti Oliweebwayo mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni.
- 18 Era nate Yeremiya n'agamba kabaka Zeddekiya nti Nali nkwoononye mu ki oba abaddu bo oba abantu bano, n'okuteeka ne munteeka mu kkomera?
- 19 Bannabbi bammwe nno bali ludda wa abaabalagulanga nga boogera nti Kabaka w'e Babulooni talibatabaala, newakubadde ensi eno?
- 20 Kale nno wulira, nkwegayiridde, ai mukama wange kabaka: okwegayirira kwange kukkirizibwe mu maaso go, nkwegayiridde; oleme okunziza mu nnyumba ya Yonasaani omuwandiisi, nneme okufiira omwo.
- 21 Kale Zeddekiya kabaka n'alagira ne bateeka Yeremiya mu luggya olw'abambowa, ne bamuwa buli lunaku omugaati okuva ku luguudo abafumbi b'emigaati kwe baabeeranga, okutuusa emigaati gyonna egy'omu kibuga lwe gyaggwaawo. Awo Yeremiya n'abeera bw'atyo mu luggya olw'abambowa.

Essuula 38

- 1 Awo Sefatiya mutabani wa Mallani ne Gedaliya mutabani wa Pasukuli ne Yukali mutabani wa Seremiya ne Pasukuli mutabani wa Malukiya ne bawulira ebigambo Yeremiya bye yabuulira abantu bonna ng'ayogera nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Asigala mu kibuga muno alifa ekitala n'enjala ne kawumpuli naye oyo afuluma n'agenda eri Abakaludaaya aliba mulamu, n'obulamu bwe buliba munyago gy'ali, era aliba mulamu.
- 3 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Ekibuga kino tekiriema kuweebwayo mu mukono gw'eggye lya kabaka w'e Babulooni, naye alikimenya.

- 4 Awo abakungu ne bagamba kabaka nti Tukwegayiridde, omusajja ono attibwe; kubanga anafuya emikono gy'abasajja abalwanyi abasigadde mu kibuga muno, n'emikono gy'abantu bonna, ng'abagamba ebigambo ebifaanana bwe bityo: kubanga omusajja ono tayagaliza mirembe bantu bano wabula obubi.
- 5 Awo Zeddekiya kabaka n'ayogera nti Laba, ali mu mukono gwammwe: kubanga kabaka si ye ayinza okukola ekigambo kyonna okubaziyiza.
- 6 Awo ne batwala Yeremiya ne bamusuula mu nnyumba ey'obunnya eya Malukiya omwana wa kabaka eyali mu luggya olw'abambowa: ne bassa Yeremiya n'emigwa. So mu bunnya nga temuli mazzi wabula ebitosi: Yeremiya n'atubira mu bitosi.
- 7 Awo Ebedumereki Omuwesiyopya omulaawe eyali mu nnyumba ya kabaka bwe yawulira nga batadde Yeremiya mu bunnya; kabaka ng'atudde mu mulyango gwa Benyamini;
- 8 awo Ebedumereki n'ava mu nnyumba ya kabaka n'agamba kabaka nti
- 9 Mukama wange kabaka, abasajja bano bakoze bubi mu byonna bye bakoze Yeremiya nnabbi gwe basudde mu bunnya; era ayagala kufiira mu kifo mw'ali olw'enjala: kubanga tewakyali mmere mu kibuga:
- 10 Awo kabaka n'alyoka alagira Ebedumereki Omuwesiyopya ng'ayogera nti Ggya wano abasajja amakumi asatu obawale ogende nabo, olinnyise Yeremiya nnabbi ng'omuggya mu bunnya nga tannafa.
- 11 Awo Ebedumereki n'atwala abasajja abo n'agenda nabo, n'ayingira mu nnyumba ya kabaka wansi w'eggwanika, n'aggyayo ebiwero ebikadde ebyasuulibwa n'enziina envundu n'azissiza ku migwa mu bunnya eri Yeremiya.
- 12 Awo Ebedumereki Omuwesiyopya n'agamba Yeremiya nti Teeka nno ebiwero bino ebikadde ebyasuulibwa n'enziina envundu mu nkwawa zo wansi w'emigwa. Awo Yeremiya n'akola bw'atyo.
- 13 Awo ne baggya Yeremiya mu bunnya nga bamuwalula n'emigwa egyo: awo Yeremiya n'abeera mu luggya olw'abambowa.
- 14 Awo Zeddekiya kabaka n'atuma n'aleeta Yeremiya nnabbi gy'ali mu mulyango ogw'okusatu oguli mu nnyumba ya Mukama: awo kabaka n'agamba Yeremiya nti Naakubuuza ekigambo; tonkisa kigambo kyonna.
- 15 Awo Yeremiya n'agamba Zeddekiya nti Bwe nnaakubuulira, tonzite? era bwe nnaakuweerera amagezi, tompulirize.
- 16 Awo Zeddekiya kabaka n'alayirira kyama Yeremiya ng'ayogera nti Nga Mukama bw'ali omulamu eyatukolera emmeeme eno, sirikutta, so sirikuwaayo mu mukono gw'abantu bano abanoonya obulamu bwo.
- 17 Awo Yeremiya n'alyoka agamba Zeddekiya nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Bw'onoofulumu n'ogenda eri abakungu ba kabaka w'e Babulooni, kale emmeeme yo eriba nnamu n'ekibuga kino tekiryokebwa muliro;
- 18 naawe oliba mulamu n'ennyumba yo: naye bw'otokkirize kufulumu n'ogenda eri abakungu ba kabaka w'e Babulooni, kale ekibuga kino kiriweebwayo mu mukono gw'Abakaludaaya, era balikyokya omuliro, so naawe tolawona mu mukono gwabwe.
- 19 Awo Zeddekiya kabaka n'agamba Yeremiya nti ntidde Abayudaaya abasenze Abakaludaaya baleme okumpaayo mu mukono gwabwe, ne banduulira.
- 20 Naye Yeremiya n'ayogera nti Tebalikuwaayo, nkwegayiridde, gondera eddoboosi lya Mukama mu ekyo kye nkugamba: kale lw'oliba obulungi, n'emmeeme yo eriba nnamu.
- 21 Naye bw'onoogana okufulumu, kino kye kigambo Mukama ky'andaze:
- 22 Laba, abakazi bonna abasigadde mu nnyumba ya kabaka wa Yuda balifulumizibwa eri abakungu ba kabaka w'e Babulooni, era abakazi abo balyogera nti Mikwano gyo ennyo be baakuwaana, n'okusobola bakusobodde: ebigere byo nga bimaze okutubira

mu bitosi, baze ennyuma.

- 23 Era balifulumya bakazi bo bonna n'abaana bo eri Abakaludaaya: so toliwona mu mukono gwabwe, naye oliwambibwa n'omukono gwa kabaka w'e Babulooni: era olyokesa omuliro ekibuga kino.
- 24 Awo Zeddekiya n'alyoka agamba Yeremiya nti Omuntu yenna aleme okumanya ebigambo ebyo, kale tolifa.
- 25 Naye abakungu bwe baliwulira nga njogedde naawe ne bajja ne bakugamba nti Tubuulire nno bye wagamba kabaka; tokitukisa, naffe tetuukutte; era n'ebyo kabaka bye yakubuulira;
- 26 kale n'olyoka obagamba nti Naleeta okwegayirira kwange mu maaso ga kabaka aleme okunzizaayo mu nnyumba ya Yonasaani okufiira omwo.
- 27 Awo abakungu bonna ne bajja eri Yeremiya ne bamubuuza: n'ababuulira ng'ebigambo ebyo byonna bwe byali kabaka bye yali alagidde. Awo ne balekayo okwogera naye; kubanga ekigambo ekyo tekyategeerebwa.
- 28 Awo Yeremiya n'abeera mu luggya olw'abambowa okutuusa ku lunaku Yerusalemi lwe kyamenyebwa.

Essuula 39

- 1 Awo olwatuuka Yerusalemi bwe kyamenyebwa, (mu mwaka ogw'omwenda ogwa Zeddekiya kabaka wa Yuda mu mwezi ogw'ekkumi Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni mwe yajjira n'eggye lye lyonna okutabaala Yerusalemi n'akizingiza;
- 2 mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu ogwa Zeddekiya mu mwezi ogw'okuna ku lunaku olw'omwezi olw'omwenda mwe baawagulira ekituli mu kibuga:)
- 3 abakungu bonna aba kabaka w'e Babulooni ne bayingira ne batuula mu mulyango ogwa wakati, Nerugalusalezeeri, Samugaluneebo, Salusekimu, Labusalisi, Nerugalusalezeeri, Labumagi, wamu n'abakungu bonna abalala aba kabaka w'e Babulooni.
- 4 Awo olwatuuka Zeddekiya kabaka wa Yuda n'abasajja bonna abalwanyu bwe baabalaba, kale ne badduka ne bava mu kibuga kiro mu kkubo ery'olusuku lwa kabaka, mu mulyango oguli wakati wa babbugwe ababiri: n'afulumu mu kkubo erya Alaba.
- 5 Naye eggye ery'Abakaludaaya ne libagoberera ne bayisiriza Zeddekiya mu nsenyi ez'e Yeriko: awo bwe baamala okumuwamba, ne bamuleeta eri Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni e Libula mu nsi ey'e Kamasi, n'amusalira omusango.
- 6 Awo kabaka w'e Babulooni n'attira batabani ba Zeddekiya e Libula ye ng'alaba: era kabaka w'e Babulooni n'atta n'abakungu bonna aba Yuda.
- 7 Era n'aggyamu Zeddekiya amaaso, n'amusiba n'amasamba okumutwala e Babulooni.
- 8 Abakaludaaya ne bookya ennyumba ya kabaka n'ennyumba ez'abantu omuliro, ne bamenyaamenya bbugwe wa Yerusalemi.
- 9 Awo Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'atwala e Babulooni nga basibe abantu abafisseewo abaali basigadde mu kibuga, era n'abasenze abaamusenga, n'abantu abafisseewo abaali basigaddewo.
- 10 Naye Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'aleka ku baavu ab'omu bantu abaali batalina kintu mu nsi ya Yuda, n'abawa ensuku ez'emizabbibu n'ennimiro mu biro ebyo.
- 11 Awo Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni n'alagira Nebuzaladaani omukulu w'abambowa ebya Yeremiya ng'ayogera nti
- 12 Mutwale omukuume nnyo, so tomukola kabi; naye omukolanga era nga ye bw'anaakugambanga.
- 13 Awo Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'atuma, ne Nebusazubaani, Labusalisi, ne Nerugalusalezeeri, Labumagi, n'abaami bonna abakulu aba kabaka w'e Babulooni;

- 14 ne batuma ne baggya Yeremiya mu luggya olw'abambowa ne bamukwasa Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani amutwale eka: awo n'abeera mu bantu.
- 15 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Yeremiya bwe yali ng'asibiddwa mu luggya olw'abambowa; nga kyogera nti
- 16 Genda ogambe Ebedumereki Omuwesiyopya nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isirarei nti Laba; ndireeta ebigambo byange ku kibuga kino olw'obubi so si lwa bulungi; era birituukirizibwa mu maaso go ku lunaku luli.
- 17 Naye ndikuwonyeza ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama: so toliweebwayo mu mukono gw'abasajja b'otya.
- 18 Kubanga Sirirema kukulokola so toligwa n'ekitala, naye obulamu bwo buliba munyago gy'oli: kubanga weesize nze, bw'ayogera Mukama.

Essuula 40

- 1 Ekigambo ekyajjira Yeremiya ekyava eri Mukama, Nebuzaladaani omukulu w'abambowa bwe yamala okumuteera mu Laama, bwe yamutwala ng'asibiddwa mu masamba mu basibe bonna ab'e Yerusaalemi ne Yuda abaatwalibwa e Babulooni nga basibe.
- 2 Omukulu w'abambowa n'atwala Yeremiya n'amugamba nti Mukama Katonda wo yayogera obubi buno ku kifo kino
- 3 n'okuleeta Mukama abuleese, era akoze nga bwe yayogera; kubanga mwayonona Mukama, so temugondede ddooboozi lye, ekigambo kino kyekivudde kibatuukako.
- 4 Kale nno, laba, nkusumulula leero mu masamba agali ku mukono gwo. Oba ng'osiima okujja nange okugenda e Babulooni, jjangu, nange naakuumanga bulungi; naye oba ng'okiyita kibi okujja nange okugenda e Babulooni, lekayo: laba, ensi yonna eri mu maaso go gy'osiima okugenda era gy'osinga okwagala, gy'oba oghenda.
- 5 Awo bwe yali nga tannaddayo, n'ayogera nti Ddayo nno eri Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani Safani, kabaka w'e Babulooni gw'awadde okufuga ebibuga bya Yuda, obeere ewuwe mu bantu: oba genda yonna gy'osiima okugenda. Awo omukulu w'abambowa n'amuwa ebyokulya n'ekirabo n'amuta.
- 6 Awo Yeremiya n'agenda eri Gelaliya mutabani wa Akikamu e Mizupa, n'abeera ewuwe mu bantu abaali basigadde mu nsi.
- 7 Awo abaami bonna ab'ebitongole abaali mu byalo, bo n'abasajja baabwe, bwe baawulira nga kabaka w'e Babulooni awadde Gelaliya mutabani wa Akikamu okufuga ensi, era ng'amukwasizza abasajja n'abakazi n'abaana abato ne mu abo abasinga obwavu mu nsi, ku bo abataatwalibwa e Babulooni nga basibe;
- 8 awo ne bajja eri Gedaliya e Mizupa, Isimaeri mutabani wa Nesaniya ne Yokanani ne Yonasaani batabani ba Kaleya ne Seraya mutabani wa Tanukumesi ne batabani ba Efayi Omunetofa, ne Yezaniya omwana w'omu Maakasi, bo n'abasajja baabwe.
- 9 Awo Gedaliya nutabani wa Akikamu mutabani wa Safani n'abalayirira bo n'abasajja baabwe ng'ayogera nti Temutya kuweereza Abakaludaaya: mubeere mu nsi, muweerezenga kabaka w'e Babulooni, era munaabanga bulungi.
- 10 Nze, laba, naabeeranga e Mizupa okuyimiriranga mu maaso g'Abakaludaaya abalijja gye tuli: naye mmwe mukuaanye omwenge n'ebibala eby'omu kyeya n'amafuta, mubiteeke mu bintu byammwe, mubeeranga mu bibuga byammwe bye mulidde.
- 11 Era bwe batyo Abayudaaya bonna abaali mu Mowaabu ne mu baana ba Amoni ne mu Edomu n'abo abaali mu nsi zonna bwe baawulira nga kabaka w'e Babulooni afissizza-awo ku Yuda era ng'akuzizza ku bo Gedaliya mutabani wa Akikaamu mutabani wa Safani;
- 12 kale Abayudaaya bonna ne bakomawo nga bava mu bifo byonna gye baali babagobedde ne bajja mu nsi ya Yuda eri Gedaliya e Mizupa, ne bakuaanya omwenge

n'ebibala eby'omu kyeya bingi nnyo nnyini.

- 13 Era nate Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole abaali mu byalo ne bajja eri Gedaliya e Mizupa
- 14 ne bamugamba nti Omanyi nga Baalisi kabaka w'abaana ba Amoni atumye Isimaeri mutabani wa Nesaniya okukutta? Naye Gedaliya mutabani wa Akikamu n'atabakiriza.
- 15 Awo Yokanani mutabani wa Kaleya n'ayogera ne Gedaliya e Mizupa kyama ng'agamba nti Ka ende, nkwegayiridde, nzite Isimaeri mutabani wa Nesaniya, so tewaliba muntu alikimanya: yandikuttidde ki, Abayudaaya bonna abakuaanye gy'oli n'okusaasaana ne basaasaana, n'ekitundu kya Yuda ekifissewo ne kizikirira?
- 16 Naye Gedaliya mutabani wa Akikamu n'agamba Yokanani mutabani wa Kaleya nti Tokola kigambo ekyo: kubanga omuwaayiriza Isimaeri.

Essuula 41

- 1 Awo olwatuuka mu mwezi ogw'omusanvu Isimaeri mutabani wa Nesaniya, mutabani wa Erisama, ow'oku zzadde lya kabaka, era omu ku baami abakulu aba kabaka, n'abasajja kkumi wamu naye, ne bajja eri Gedaliya mutabani wa Akikamu e Mizupa: awo ne baliira eyo emmere wamu e Mizupa.
- 2 Awo Isimaeri mutabani wa Nesaniya n'ayimuka n'abasajja ekkumi abaali naye ne bafumita Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani n'ekitala ne bamutta, kabaka w'e Babulooni gwe yali awadde okufuga ensi.
- 3 Era Isimaeri n'atta n'Abayudaaya bonna abaali naye, abaali ne Gedaliya e Mizupa, n'Abakaludaaya abaalabika eyo, abasajja abalwanyani.
- 4 Awo olwatuuka ku lunaku olw'okubiri ng'amaze okutta Gedaliya, so nga tewali muntu akimanyi,
- 5 abamu ne bajja abaava e Sekemu ne Siiro ne Samaliya, abasajja kinaana, nga bamw-ereddwa ebirevu byabwe n'ebymbalo byabwe nga babiyuzizza, era nga beesaze, nga balina ebitone n'omugavu mu mukono gwabwe okubireeta mu nnyumba ya Mukama.
- 6 Awo Isimaeri mutabani wa Nesaniya n'ava mu Mizupa okubasisinkana, ng'agenda ng'akaaba amaziga: awo olwatuuka bwe yasisinkana nabo, n'abagamba nti Mujje eri Gedaliya mutabani wa Akikamu.
- 7 Awo olwatuuka bwe baatuuka wakati mu kibuga, Isimaeri mutabani wa Nesaniya n'abatta n'abasuula wakati mu bunnya ye n'abasajja abaali naye.
- 8 Naye ne mulabika mu bo abasajja kkumi abagamba Isimaeri nti Totutta: kubanga tulina ebintu ebyaterekebwa ebyakisibwa mu nnimiro, eaano ne sayiri, n'amafuta, n'omubisi gw'enjuki. Awo n'atabattira wamu ne baganda baabwe.
- 9 Era obunnya Isimaeri mwe yasuula emirambo gyonna egy'abasajja be yatta, okuli-raana Gedaliya, (bwe buli Asa kabaka bwe yasima olw'okutya Baasa kabaka wa Isiraeri,) Isimaeri mutabani wa Nesaniya n'abujjuza abo abattibwa.
- 10 Awo Isimaeri n'atwala nga basibe abo bonna abafikkawo ku bantu abaali mu Mizupa, abawala ba kabaka n'abantu bonna abaali basigadde mu Mizupa, Nebuzaladaani omukulu w'abambowa be yali ateresezza Gedaliya mutabani wa Nesaniya n'abatwala nga basibe, n'agenda okusomoka okugenda eri abaana ba Amoni.
- 11 Naye Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole abaali naye bwe baawulira obubi bwonna Isimaeri mutabani wa Nesaniya bwe yali akoze,
- 12 kale ne batwala abasajja bonna ne bagenda okulwana ne Isimaeri mutabani wa Nesaniya ne bamusanga awali amazzi amangi agali mu Gibyoni.
- 13 Awo olwatuuka abantu bonna abaali ne Isimaeri bwe baalaba Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole abaali naye, ne basanyuka.

- 14 Awo abantu bonna Isimaeri be yali atutte nga basibe okubaggya e Mizupa, ne bakyuka ne baddayo, ne bagenda eri Yokanani mutabani wa Kaleya.
- 15 Naye Isimaeri mutabani wa Nesaniya n'awona Yokanani ng'alina abasajja munaana, n'agenda eri abaana ba Amoni.
- 16 Awo Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole abaali naye ne batwala ekitundu kyonna ekifisseewo ku bantu be yali akomezzaawo okubaggya ku Isimaeri mutabani wa Nesaniya, e Mizupa, bwe yamala okutta Gedaliya mutabani wa Akikamu, abasajja abalwanyani n'abakazi n'abaana abato n'abalaawe be yakomyawo okuva e Gibyoni:
- 17 awo ne baddayo ne babeera mu Gerusukimamu ekiriraanye Besirekemu, okugenda okuyingira mu Misiri,
- 18 olw'Abakaludaaya: kubanga baali babatidde, kubanga Isimaeri mutabani wa Nesaniya yatta Gedaliya mutabani wa Akikamu kabaka w'e Babulooni gwe yawa okufuga ensi.

Essuula 42

- 1 Awo abaami bonna ab'ebitongole ne Yokanani mutabani wa Kaleya ne Yezaniya mutabani wa Kosaaya n'abantu bonna okuva ku muto okutuuka ku mukulu,
- 2 ne basembera ne bagamba Yeremiya nnabbi nti Tukwegayiridde, okusaba kwaffe kukkirizibwe gy'oli, otusabire eri Mukama Katonda wo, ng'osabira ekitundu kino kyonna ekifisseewo; kubanga tusigaddewo batono feka abaabanga abangi ng'amaaso go bwe gatulaba:
- 3 Mukama Katonda wo atulage ekkubo eritugwanira okutambuliramu n'ekigambo ekitugwanira okukola.
- 4 Awo Yeremiya nnabbi n'abagamba nti Mbawulidde; laba, naasaba Mukama Katonda wammwe ng'ebigambo byammwe bwe biri; kale olulituuka kyonna Mukama ky'alibaddamu ndikibabuulira; siribakisa kigambo kyonna.
- 5 Awo ne bagamba Yeremiya nti Mukama abe omujulirwa ow'amazima omwesigwa mu ffe, bwe turalikola ng'ekigambo kyonna bwe kiriba Mukama Katonda wo ky'alikutuma gye tuli.
- 6 Oba nga kirungi oba nga kibi, tuligondera eddoozi lya Mukama Katonda waffe gye tukutuma; tulyoke tubenga bulungi bwe tugondera eddoozi lya Mukama Katonda waffe.
- 7 Awo olwatuuka ennaku kkumi bwe zaayitawo, ekigambo kya Mukama ne kijjira Yeremiya.
- 8 Awo n'ayita Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole abaali naye, n'abantu bonna okuva ku muto okutuuka ku mukulu,
- 9 n'abagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri gwe mwantuma okwanjula okusaba kwammwe mu maaso ge, nti
- 10 Bwe mulikkiriza okubeera mu nsi eno, kale ndibazimba, so siribaabya, era ndibasimba, so siribasimbula: kubanga nejjusizza obubi bwe nnabakola.
- 11 Temutya kabaka w'e Babulooni gwe mutya; temumutya, bw'ayogera Mukama: kubanga nze ndi wamu nammwe okubalokola n'okubawonya mu mukono gwe.
- 12 Era ndibawa okusaasirwa abasaasire, era abazzeeyo mu nsi yammwe.
- 13 Naye bwe munaagamba nti Tetugenda kutuula mu nsi eno; ne mutagondera ddoozi lya Mukama Katonda wammwe;
- 14 nga mwogera nti Nedda; naye tuligenda mu nsi y'e Misiri gye turalirabira ntalo, so tetuliwulira ddoozi lya kkondeere, so tetulirumwa njala olw'emmere; n'eyo gye tulituula:
- 15 kale nno muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abafisseewo ku Yuda: bw'ati

- bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri nti Bwe mulikakasa amaaso gammwe ddala okuyingira mu Misiri, ne mugenda okubeera omwo;
- 16** kale olulituuka ekitala kye mutya kiribakwatira eyo mu nsi y'e Misiri, n'enjala gye mutidde eribacocchera eyo mu Misiri; era eyo gye mulifira.
- 17** Bwe kityo bwe kiriba eri abasajja bonna abakakasa amaaso gaabwe okugenda e Misiri okubeera eyo; balifa n'ekitala n'enjala ne kawumpuli: so tewaliba ku bo abalifikkawo newakubadde okuwona obubi bwe ndibaleetako.
- 18** Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Obusungu bwange n'ekiruyi kyange nga bwe byafukibwa ku abo abaali mu Yerusalemi, ekiruyi kyange bwe kirifukibwa ku mmwe bwe kityo bwe muliyingira mu Misiri: era muliba kikolimo n'ekyewuunyo n'okukolima n'ekivume; so temuliraba nate kifo kino.
- 19** Mukama ayogedde ku mmwe, ai ekitundu ekifisseewo ku Yuda, nti Temugenda mu Misiri: mutegeerere ddala nga leero nze mbadde mujulirwa gye muli.
- 20** Kubanga mukoze emmeeme zammwe mmwe eby'obukuusa; kubanga mwantuma eri Mukama Katonda wammwe nga mwogera nti Tusabire eri Mukama Katonda waffe; era nga byonna bwe biriba; Mukama Katonda waffe by'alyogera, tubuulire bw'otyo, naffe tulibikola:
- 21** era leero mbibabuulidde; naye temugondedde ddooboozi lya Mukama Katonda wammwe mu kyonna ky'antumye gye muli
- 22** Kale nno mutegeerere ddala nga mulifa n'ekitala n'enjala ne kawumpuli, mu kifo gye mwagala okugenda okubeera.

Essuula 43

- 1** Awo olwatuuka Yeremiya bwe yamalira ddala okwogera n'abantu bonna ebigambo byonn, ebya Mukama Katonda waabwe Mukama Katonda waabwe bye yali amutumye gye bali, bye bigambo ebyo byonna,
- 2** awo Azaliya mutabani wa Kosaaya ne Yokanani mu tabani wa Kaleya n'abasajja bonna ab'amalala ne boogera nga bagamba Yeremiya nti Olimba: Mukama Katonda waffe takutumye okwogera nti Temuyingiranga mu Misiri okubeera omwo:
- 3** naye Baluki mutabani wa Neriya ye akutuweeredde okutugabula mu mukono gw'Abakaludaaya balyoke batutte batutwale e Babulooni nga tuli basibe.
- 4** Awo Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole n'abantu bonna ne batagondera ddooboozi lya Mukama okubeera mu nsi ya Yuda.
- 5** Naye Yokanani mutabani wa Kaleya n'abaami bonna ab'ebitongole ne batwala ekitundu kyonna ekya Yuda abaafikkawo abaali bakomyewo okuva mu mawanga gonna gye baali babagobedde okubeera mu nsi ya Yuda;
- 6** abasajja n'abakazi n'abaana abato n'abawala ba kabaka na buli muntu Nebuzaladaani omukulu wa bambowa gwe yalekera Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani, ne Yeremiya nnabbi ne Baluki mutabani wa Neriya;
- 7** ne bayingira mu nsi y'e Misiri; kubanga tebaagondera ddooboozi lya Mukama: ne batuuka n'e Tapanesi.
- 8** Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Yeremiya e Tapanesi nga kyogera nti
- 9** Ddira amayinja amanene mu mukono gwo ogakweke mu ttaka ery'omu matoffaali agali awayingirirwa mu nnyumba ya Falaawo e Tapanesi, abasajja ba Yuda nga balaba
- 10** obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Laba, ndituma ne nzirira Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni omuddu wange, ne nteeka entebe ye ku mayinja gano ge nkweze; era alitimba eweema ye eya kabaka ku go.
- 11** Era alijja n'akuba ensi y'e Misiri; ab'okuttibwa baliweebwawo eri okuttibwa, n'ab'obusibe eri obusibe, n'ab'ekiala eri ekitala.

- 12 Era ndikuma omuliro mu nnyumba za bakatonda b'e Misiri; era alibookya n'abatwala nga basibe: era alyambala ensi y'e Misiri ng'omusumba bw'ayambala ekyambalo kye; era alivaayo mirenbe.
- 13 Era alimenya empagi ez'e Besusemeesi ekiri mu nsi y'e Misiri; n'ennyumba za bakatonda b'e Misiri alizookya omuliro.

Essuula 44

- 1 Ekigambo ekyajjira Yereimiya ku Bayudaaya bonna abaabeera mu nsi y'e Misiri, abaabeera e Migudooli ne Tapanesi ne Noofu mu nsi ey'e Pasuloosi, nga kyogera nti
- 2 Bwati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Mulabye obubi bwonna bwe naleeta ku Yerusaalemi ne ku kibuga byonna ebya Yuda; era, laba, leero matongo, so tewali muntu abeera omwo;
- 3 olw'obubi bwabwe bwe bakoze okunsunguwaza, kubanga baagenda okwoteza obubaane n'okuweereza bakatonda abalala be batamanyanga bo newaakubadde mmwe newakubadde bajjajjammwe.
- 4 Era naye nabatumira abaddu bange bonna bannabbi, nga ngolokoka mu makya ne mbatuma, nga njogera nti Abaffe! temukola kigambo kino eky'omuzizo kye nkyawa.
- 5 Naye ne batawuliriza so tebaatega kutu okukyuka okuleka obubi bwabwe, obutayoterezanga bakatonda abalala obubaane.
- 6 Ekiruyi kyange n'obusungu bwange kyebwava bufukibwa ne bubuubuuka mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yerusaalemi; era bizise birekeddwa awo, nga bwe kiri leero.
- 7 Kale nno Mukama, Katonda ow'eggye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bw'ati nti Kiki ekibakoza ekibi ekyenkana awo okwonoona emmeeme zammwe mmwe, okwemalirawo omusajja n'omukazi, omwana n'ayonka, wakati mu Yuda, obutabalekera abasigalawo;
- 8 kubanga munsunguwaza n'emirimu egy'emikono gyammwe, nga mwotereza bakatonda abalala obubaane mu nsi y'e Misiri gye mwagenda okubeera; mulyoke mumalibwewo, era mubeere ekikolimo n'ekivume mu mawanga gonna ag'omu nsi?
- 9 Mwerabidde obubi bwa bajjajjammwe n'obubi bwa bassekabaka ba Yuda n'obubi bw'abakazi baabwe n'obubi bwammwe mmwe n'obubi bw'abakazi bammwe bwe baakolera mu nsi ya Yuda ne mu nguudo ez'e Yerusaalemi?
- 10 Tebannaba kumalwamu malala ne leero, so tebatambulidde mu mateeka gange newakubadde mu biragi byange bye nnateeka mu maaso gammwe ne mu maaso ga bajjajjammwe.
- 11 Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndikakasa amaaso gange okuboolekera olw'obubi, okuzikiriza Yuda yenna.
- 12 Era ndiddira ekitundu kya Yuda ekifisseewo abakakasizza amaaso gaabwe okuyingira mu nsi y'e Misiri okutuula omwo, era bonna balimalibwawo; mu nsi y'e Misiri mwe baligwira; balimalibwawo n'ekitala n'enjala; balifa, okuva ku muto okutuuka ku mukulu, n'ekitala n'enjala: era baliba kikalimo n'ekyewuunyo n'okukolima n'ekivume.
- 13 Kubanga ndibonereza abo abatuula mu nsi y'e Misiri nga bwe nnabonereza Yerusaalemi, n'ekitala n'enjala ne kawumpuli:
- 14 ne ku kitundu kya Yuda ekifisseewo abambuse okugenda mu nsi y'e Misiri okubeera omwo ne kutabaako aliwona newakubadde alisigalawo, balyoke bakomewo mu nsi ya Yuda gye baayagala okudda okubeera: kubanga tewaliba abalikomawo wabula abo abaliwonya obuwonyi.
- 15 Awo abasajja bonna abaamanya ng'abakazi baabwe bootereza bakatonda abalala

- obubaane n'abakazi bonna abaali bayimiridde awo, ekibiina ekinene, abantu bonna abaali batuula mu nsi y'e Misiri e Pasuloosi, ne baddamu Yeremiya nga boogera nti
- 16** Ekigambo ky'otubuuliridde mu linnya lya Mukama tetuukuwulire.
- 17** Naye tetulirema kutuukiriza buli kigambo ekyakava mu kamwa kaffe, okwotereza kabaka w'eggulu omukazi obubaane n'okumufukira ebiweebwayo eby'okunywa nga bwe twakolanga, ffe ne bajjajjaffe, bassekabaka baffe n'abakungu baffe, mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yersaalemi: kubanga lwe twabanga n'eb'okulya ebingi, ne tuba bulungi ne tatalaba bubu.
- 18** Naye kasookedde tulekayo okwotereza kabaka w'eggulu omukazi obubaane n'okumufukira ebiweebwayo eby'okunywa, tubadde mu kwetaaga n'okumalibwawo ekitala n'enjala.
- 19** Era bwe twayoterezanga kakabaka w'eggulu omukazi obubaane ne tumufukira ebiweebwayo eby'okunywa, twamufumbira emigaati okumusinja ne tumufukira ebiweebwayo eby'okunywa awatali babaffe?
- 20** Awo Yeremiya n'agamba abantu bonna, abasajja n'abakazi, abantu bonna abaali bamuzzeemu bwe batyo, ng'ayogera nti
- 21** Obubaane bwe mwayotereza mu bibuga bya Yuda ne mu nguudo ez'e Yersaalemi, mmwe ne bajjajjammwe, bassekabaka bammwe n'abakungu bammwe, n'abantu ab'omu nsi, Mukama teyabajjukira, so tekyajja mu mwoyo gwe?
- 22** n'okuyinza Mukama n'atayinza kuzibikiriza nate olw'obubi obw'ebikolwa byammwe n'olw'emizizo gye mwakola; ensi yammwe kyevudde efuuka amatongo n'ekyewu- unyo n'ekikolimo, nga tewali agituulamu, nga bwe kiri leero.
- 23** Kubanga mwayoteza obubaane, era kubanga mwayonoona Mukama, so temugondedde ddooboozi lya Mukama so temutambulidde mu mateeka ge newakubadde mu biragiro bye newakubadde mu ebyo bye yategeeza; obubi buno kyebuvudde bubatuukako, nga bwe kiri leero.
- 24** Era nate Yeremiya n'agamba abantu bonna n'abakazi bonna nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe mwenna aba Yuda abali mu nsi y'e Misiri:
- 25** bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Mmwe ne bakazi bammwe mwogedde n'obumwa era mukuukirizza n'emikono gyammwe, nga mwogera nti Tetulirema kutuukiriza bweyamo bwaffe bwe twayama okwoterezanga kabaka w'eggulu omukazi obubaane n'okumufukiranga ebiweebwayo eby'okunywa: kale munyweze obweyamo bwammwe era mutuukirize obweyamo bwammwe.
- 26** Kale muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe mwenna aba Yuda ababeera mu nsi y'e Misiri: laba, ndayidde erinnya lyange ekkulu, bw'ayogera Mukama, ng'erinnya lyange teririyitibwa nate mu kamwa k'omuntu yenna owa Yuda mu nsi yonna ey'e Misiri, ng'ayogera nti Nga Mukama Katonda bw'ali omulamu.
- 27** Laba, mbalabirira olw'obubi so si lwa bulungi: n'abasajja bonna aba Yuda abali mu nsi y'e Misiri balimalibwayo ekitala n'enjala, okutuusa lwe baliggwaawo.
- 28** N'abo abaliwona ekitala balikomawo okuva mu nsi y'e Misiri ne bajja mu nsi ya Yuda, omuwendo gwabwe nga mutono; n'ekitundu kyonna ekya Yuda abagenze mu nsi y'e Misiri okubeera omwo balimanya oyo bw'ali ekigambo kye kye kiriyimirira, ekyange oba ekyabwe.
- 29** Era kano ke kanaaba akabonero gye muli, bw'ayogera Mukama, nga ndibabonereza mu kifo kino, mulyoke mumanye ng'ebigambo byange tebirirema kuyimirira gye muli olw'obubi:
- 30** bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndiwaayo Falaawo Kofera kabaka w'e Misiri mu mukono gw'abalabe be ne mu mukono gw'abo abanoonya obulamu bwe; nga bwe nnawaayo Zedekiya kabaka wa Yuda mu mukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni omulabe we era eyanoonya obulamu bwe.

Essuula 45

- 1 Ekigambo Yeremiya nnabbi kye yagamba Baluki mutabani wa Neriya bwe yawandiika ebigambo bino mu kitabo ng'aggya mu kamwa ka Yeremiya mu mwaka ogw'okuna ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda ng'ayogera nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, eri ggwe, ai Baluki, nti
- 3 Wayogera nti Zinsanze kaakano! kubanga Mukama ayongedde obuyinike ku kulumwa kwange; okusinda kwange kunkooyezza, so siraba kuwummula kwonna.
- 4 Bw'oti bw'oba omugamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ekyo kye nnazimba ndikyabya, n'ekyo kge nnasimba ndikisimbula; era ndikola bwe ntyo mu nsi yonna.
- 5 Era weenoonyeza ebikulu? tobinoonya: kubanga, laba, ndireeta obubi ku bonna abalina omubiri, bw'ayogera Mukama: naye obulamu bwo ndibukuwa okuba omun-yago mu bifo byonna gy'onoogendanga.

Essuula 46

- 1 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Yeremiya nnabbi ku mawanga.
- 2 Ku Misiri: eby'eggye lya Falaawoneko kabaka w'e Misiri eryali ku lubalama lw'omugga Fulaati e Kalukemisi, Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni lye yakuba mu mwaka ogw'okuna ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda.
- 3 Muteeketeke akagabo n'engabo, musembere okulwana.
- 4 Muteeke amatandiiko ku mbalaasi, mulinnye, mmwe abeebagala embalaasi, muyimirire mu maaso nga mulina enkuufiira zammwe ez'ebyuma; muzigule amafumu, mwambale ebizibawo eby'ebyuma.
- 5 Nkirabidde ki? bakeenteredwa, baze ennyuma; n'abasajja baabwe ab'amaanyi basuuliddwa wansi, era badduse mbiro, so tebatunula nnyuma: entiisa eri ku njuyi zonna, bw'ayogera Mukama.
- 6 Ab'embiro baleme okudduka so n'omusajja ow'amaanyi aleme okuwona; obukiika obwa kkono ku lubalama lw'omugga Fulaati beesittadde bagudde.
- 7 Ani ono agolokose nga Kiyira, amazzi ge geesuukunda ng'emigga?
- 8 Misiri yagolokoka nga Kiyira, n'amazzi ge geesuukunda ng'emigga: naayogera nti Naagolokoka, naabikka ku nsi zonna; ndizikiriza ekibuga n'abo abakituulamu.
- 9 Mwambuke, mmwe embalaasi; mulaluke, mmwe amagaali; n'abasajja ab'amaanyi bafulumu: Kuusi ne Puti abakwata engabo; n'Abaluudi abakwata abanaanuula omutege.
- 10 Kubanga olunaku olwo lunaku lwa Mukama, Mukama w'eggye, olunaku olw'okuwalanirako eggwanga awalane eggwanga ku balabe be: n'ekitala kirirya ne kikkuta, era kirinywa ku musaayi gwabwe ne kikkuta: kubanga Mukama, Mukama w'eggye, alina ssaddaaka gy'asalira mu nsi ey'obukiika obwa kkono ku lubalama lw'omugga Fulaati.
- 11 Yambuka e Gireyaadi, oddire eddagala, ggwe omuwala wa Misiri atamanyi musajja: onywera bwereere eddagala ery'engeri ennyingi; tewali kuwona eri ggwe.
- 12 Amawanga gawulidde okuwemuka kwo, n'ensi ejjudde okukaaba kwo: kubanga omusajja ow'amaanyi yeessittadde ku w'amaanyi, bagwiridde wamu bombi.
- 13 Ekigambo Mukama kye yagamba Yeremiya nnabbi Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni bw'agenda okujja n'akuba ensi y'e Misiri.
- 14 Mubuulire mu Misiri, mulangire mu Migudooli, era mulangire mu Noofu ne Tapanesi: mwogere nti Fuluma oyimirire, weeteeketeke; kubanga ekitala kiridde okwetooloola enjuyi zonna.

- 15 Ababo ab'amaanyi kiki ekibatwaza olw'amaanyi? tebaayimirira, kubanga Mukama ye yabagoba.
- 16 Yabeesittaza bangi, weewaawo, baagwaanako: ne boogera nti Golokoka tuddeyo eri abantu ab'ewaffe ne mu nsi gye twazaalirwamu okuva eri ekitala ekijooga.
- 17 Baayogerera eyo nti Falaawo kabaka w'e Misiri luyooogaano buyoogaano; asobezza entuuko ezaalagirwa.
- 18 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Kabaka, erinnya lye Mukama w'eggye, mazima nga Taboli mu nsozi era nga Kalumeeri ku lubalama lw'ennyanya, bw'alijja bw'atyo.
- 19 Ai omuwala abeera mu Misiri, weesibirire okugenda mu busibe: kubanga Noofu kirifuuka matongo, era kiryokebwa obutabaamu abeeramu.
- 20 Misiri nte nduusi nnungi nnyo; naye okuzikirira okuvudde mu bukiika obwa kkono kutuuse, kutuuse.
- 21 N'abasajja be b'agulirira abali wakati we bali ng'ennyana ez'omu kisibo; kubanga nabo bazze ennyuma, baddukidde wamu, tebaayimirira: kubanga olunaku olw'okula-biramu obuyinike bwabwe lubatuuseeko, ebiro eby'okujjirwa kwabwe.
- 22 Eddoboozi lyakwo liritambula ng'omusota; kubanga balitambula nga balina eggye, ne bamutabaala nga balina embazzi, ng'abatema emiti.
- 23 Balitema ekibira kye, bw'ayogera Mukama, newakubadde nga tekinoonyezeka; kubanga basinga enzige obungi, so tebabalika.
- 24 Omuwala wa Misiri alikwatibwa ensonyi; aliweewayo mu mukono gw'abantu ab'obukiika obwa kkono.
- 25 Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, ayogera nti Laba, ndibonereza Amoni w'e No, ne Falaawo, ne Misiri ne bakatonda be ne bakabaka be; Falaawo n'abo abamwesiga:
- 26 era dibagabula mu mukono gw'abo abanoonya obulamu bwabwe, ne mu mukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni, ne mu mukono gw'abaddu be: kale oluvan-nyuma erituulwamu nga mu naku ez'edda, bw'ayogera Mukama.
- 27 Naye totya ggwe, Yakobo omuddu wange, so tokeentererwa, ggwe Isirarei: kubanga, laba, ndikulokola nga nnyima wala, n'ezzadde lyo nga nnyima mu nsi y'obusibe bwabwe; kale Yakobo alikomawo, era alitereera era alyessa, so tewaliba alimutiisa.
- 28 Totya gwe, ai Yakobo omuddu wange, bw'ayogera Mukama; kubanga nze ndi wamu naawe: kubanga ndimalirawo ddala amawanga gonna gye nnakugobera, naye ggwe sirikumalirawo ddala; naye ndikukangavvula mpola, so sirikuleka n'akatono nga tobonerezebbwa.

Essuula 47

- 1 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Yeremiya nnabbi eky'Abafirisuuti, Falaawo nga tannakuba Gaza.
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, amazzi gatumbiira agava obukiika obwa kkono, era galifuuka omugga ogwanjaala, era galyanjaala mu nsi ne byonna ebibirimu, ekibuga n'abo abakituulamu: n'abantu balikaaba, n'abo bonna ababeera mu nsi baliwowoggana.
- 3 Olw'emisinde gy'okusamba kw'ebinuulo by'ensolo ze ez'amaanyi, olw'okuwuluuka kw'amagaali ge, olw'okuvuuma okwa bannamuziga be, bakitaabwe kyebava balema okutunula ennyuma eri abaana baabwe, emikono gyabwe lw'okuba eminafu;
- 4 olw'olunaku lujja okunyaga Abafirisuuti, okumalawo ku Ttuulo ne Sidoni buli mubeezi asigaddewo: kubanga Mukama alinyaga Abafirisuuti, ekitundu ekifisseewo eky'ekizinga Kafutoli.
- 5 Gaza aliko ekiwalaata; Asukulooni amaliddwawo, ekitundu ekifisseewo ku kiwonvu kyabwe: olituusa wa okwesala?

- 6 Ai ggwe ekitala kya Mukama, olituusa wa obutatereera? weeteke mu kiraato kyo; wummula osirike.
- 7 Oyinza otya okutereera, kubanga Mukama aliko ky'akukuutidde? akiragidde okulwana ne Asukulooni n'ettale ly'ennyanja.

Essuula 48

- 1 Ebya Mowaabu. Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Zisanze Nebo! kubanga bakizisizza; Kiriyasayimu kikwasibbwa ensonyi, kimenyed-dwa: Misugabu kikwasibbwa ensonyi, kisuuliddwa.
- 2 Ettendo lya Mowaabu terikyaliwo; bakiteeserezza obubi mu Kesubooni, nti Mujje tukimalewo obutaba ggwanga. Era naawe, si Madumeni, olisirisibwa; ekitala kirikucocca.
- 3 Eddoboozi ery'okuleekaana eriva e Kolonayimu, okunyaga n'okuzikiriza okunene!
- 4 Mowaabu azikiridde; abaana baamu abato bawulizizza okukaaba.
- 5 Kubanga balyambukira awalinyirwa e Lulusi nga bakaaba amaziga agatata; awaserengeterwa e Kolonayimu bawulidde obuyinike obw'okukaaba olw'okuzikirira.
- 6 Mudduke muwonye obulamu bwammwe, mufaanane omwoloola oguli mu ddungu.
- 7 Kubanga olw'okwesiga emirimu gyo n'eby'obugagga bwo, era naawe olikwatibwa: ne Kemosi alivaayo aligenda mu busibe, bakabona be n'abakungu be wamu.
- 8 N'omunyazi alituuka ku buli kibuga, so tewaliba kibuga ekiriwona; era n'ekiwonvu kiribula, n'olusenya lulizikirizibwa; nga Mukama bwe yayogera.
- 9 Mumuwe Mowaabu ebiwaawaatiro alyoke abooke yeegendere: n'ebibuga bye bifuuka amatongo nga tewali wa kutuulamu.
- 10 Akolimiddwa oyo akola omulimu gwa Mukama ng'atenguwa, era akolimiddwa oyo aziyiza ekitala kye mu musaayi.
- 11 Mowaabu yessizza okuva mu buto bwe, era teyeesengezze ebbonda lye, tattululirwanga mu bita so tagendanga mu busibe: ensa ye kyeve ebeera mu ye, n'akawoowo ke tekajjululukanga.
- 12 Kale, laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndimutumira abo abattulula, kale balimuttulula; era balimalamu ebintu bye, ne bamenyaamenya ensuwa zaabwe.
- 13 Kale Mowaabu alikwatirwa Kemosi ensonyi, ng'ennyumba ya Isiraeri bwe baakwatirwa ensonyi Beseri, obwesige bwabwe.
- 14 Mwogera mutya nti Tuli basajja ba maanyi era basajja bazira okutwana?
- 15 Mowaabu bamuzisizza, era batabadde ebibuga byayo, n'abalenzi baayo abalonde baserengese okuttibwa, bw'ayogera Kabaka, erinnya lye Mukama w'eggye.
- 16 Obuyinike bwa Mowaabu bunaatera okutuuka, n'ennaku ze zanguwa mangu.
- 17 Mmwe mwenna abamwetoolodde mumukungubagire, nammwe mwenna abamanyi erinnya lye; mwogere nti omuggo ogw'amaanyi nga gumenyese, oluga olulungi!
- 18 Ai ggwe omuwala, atuula mu Diboni, serengeta ove ku kitiibwa kyo, otuule ng'olummiddwa ennyonta; kubanga omunyazi wa Mowaabu akutabadde, azikirizza ebigu byo.
- 19 Ai ggwe atuula mu Aloweri, yimirira ku mabbali g'ekkubo okette: buuza omusajja adduka, n'omukazi awona; oyogere nti Ebifaayo?
- 20 Mowaabu akwasibbwa ensonyi; kubanga kimenyesemenyese: wowoggana okaabe; mukibuulire mu Alunoni nga Mowaabu bakizisizza.
- 21 N'omusango gutuuse ku nsi ey'ensenyi; ku Koloni ne ku Yaza ne ku Mefaasi;
- 22 ne ku Diboni ne ku Nebo ne ku Besudibulasayimu;
- 23 ne ku Kiriyasayimu ne ku Besugamuli ne Besumyoni;
- 24 ne ku Keriyoozi ne ku Bozula ne ku bibuga byonna eby'omu nsi ya Mowaabu ebiri ewala n'ebiri okumpi.

- 25 Ejjembe lya Mowaabu lisaliddwako, n'omukono gwe gumenyese, bw'ayogera Mukama.
- 26 Mumutamize; kubanga yeegulumizanga eri Mukama: ne Mowaabu alyekulukuunya mu bisesemye bye, era naye alisekererwa.
- 27 Kubanga Isiraeri teyali wa kusekererwa gy'oli? yalabika mu babbi? kubanga buli lw'omwogerako onyeenya omutwe gwo.
- 28 Ai mmwe abatuula mu Mowaabu, muleke ebibuga mutuule mu mayinja; mufaanane kaamukuukulu akakola ekisu kye mu mbiriizi z'akamwa k'obunnya.
- 29 Tuwulidde eby'amalala ga Mowaabu nga wa malala mangi nnyo; okwegulumiza kwe n'amalala ge n'ekitigi kye n'essukuti ery'omutima gwe.
- 30 Mmanyi obusungu bwe, bw'ayogera Mukama, nga si kintu; okwenyumiriza kwe tekuliiko kye kukoze.
- 31 Kyennaava mpowogganira Mowaabu; weewaawo, naaleekaanira Mowaabu yenna: abasajja ab'e Kirukeresi be baiinnakuwalira.
- 32 Naakukaabira ggwe amaziga, ai omuzabbibu ogw'e Sibuma, nga nkira okukaaba kwa Yazeri: amatabi go gaayita ku nnyanja, gaatuuka ne ku nnyanja ya Yazeri: omunyazi agudde ku bibala byo eby'omu kyeya ne ku bikungulwa bye.
- 33 N'essanyu n'okujaguza biggiddwa ku nnimiro eimu ne ku nsi ya Mowaabu; era mmazeemu omwenge mu masogolero: tewaliba alisamba ng'aleekaana; okuleekaana kuliba nga si kuleekaana.
- 34 Okuva ku kuleekaana kwa Kesuboni okutuuka ku Ereyale, n'okutuuka ku Yakazi, baleese eddoozi lyabwe, okuva ku Zowaali okutuuka ku Kolonayimu, okutuuka ku Egulasuserisiya: kubanga amazzi ag'e Nimulimu nago galirekebawo.
- 35 Era nate ndikomya mu Mowaabu, bw'ayogera Mukama, oyo aweerayo ku kifo ekigulumivu n'oyo ayotereza bakatonda be obubaane.
- 36 Omutima gwange kyeguva guvugira Mowaabu ng'emirere abasajja ab'e Kirukeresi: ebintu ebingi bye yafuna kyebivudde bizikirira.
- 37 Kubanga buli mutwe guliko ekiwalaata, na buli kirevu kisaliddwa: ku mikono gyonna kuliko ebisale, ne mu biwato mulimu ebibukutu.
- 38 Ku nnyumba zonna eza Mowaabu waggulu ne mu nguudo zaayo wonna wonna waliwo okukungubaga: kubanga mmenye Mowaabu ng'ekibya ekitasanyusa, bw'ayogera Mukama.
- 39 Nga kisuuliddwa! nga bawowoggana! Mowaabu ng'akyusizza enkoona n'ensonyi! kale Mowaabu alifuuka wa kusekererwa era wa kukeenterera eri abo bonna abamwe-toolodde.
- 40 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, alibuuka ng'empungu, era alyanjuluza ebiwaawaatiro bye eri Mowaabu.
- 41 Keriyoosi kimenyeddwana, n'ebigo babisonookerezza, n'omutima gw'abasajja ab'amaanyi aba Mowaabu ku lunaku luli guliba ng'omutima gw'omukazi bw'alumwa okuzaala.
- 42 Era Mowaabu alizikirizibwa obutaba ggwanga, kubanga yeegulumizizza eri Mukama.
- 43 Entiisa n'obunnya n'ekyambika biri ku ggwe, ai ggwe atuula mu Mowaabu, bw'ayogera Mukama.
- 44 Adduka entiisa aligwa mu bunnya; n'oyo ava mu bunnya alikwatibwa mu kyambika: kubanga ndireeta ku ye, ku Mowaabu, omwaka ogw'okujjirwa kwabwe, bw'ayogera Mukama.
- 45 Abadduka bayimirira nga tebalina maanyi wansi w'ekisiikirize kya Kesubooni: kubanga omuliro guvudde mu Kesubooni, n'ennimi z'omuliro zivudde wakati mu Sikoni, era gwokezza ensonda ya Mowaabu, n'obwezinge bw'abo abayoogaana.
- 46 Zikusanze ggwe, Mowaabu abantu ba Kemosi babuze: kubanga batabani bo

batwalibbwa nga basibe ne bawala bo batwalibbwa mu busibe.

- 47 Naye ndikomyawo obusibe bwa Mowaabu mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Mukama. Omusango gwa Mowaabu we gukoma wano.

Essuula 49

- 1 Eby'abaana ba Amoni. Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Isiraeri talina baana ba bulenzi? talina musika? kale Malukamu kiki ekimuliisizza Gaadi, n'abantu be batuula mu bibuga byayo?
- 2 Kale, laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndiwuliza eoma nga bazirayiza Labba eky'abaana ba Amoni; era kirifuuka kifunvu ekyalekebwawo, ne bawala baamu balyokebwa omuliro: kale Isirareri lw'alirya abo abaamulyanga, bw'ayogera Mukama.
- 3 Wowoggana, ggwe Kesubootu, kubanga Ayi kinyagiddwa; mukaabe, mmwe abawala ba Labba, mwesibe ebibukutu, mukungubage, mudduke nga mubuna emiwabo mu bisaakaate; kubanga Malukamu aligenda mu busibe, bakabona be n'abakungu be wamu.
- 4 Lwaki ggwe okwenyumiririza ebiwonvu, ekiwonvu kyo ekikulukuta, ai omuwala adda ennyuma? eyeesiganga eby'obugagga bwo ng'ayogera nti Ani alijja gye ndi?
- 5 Laba, ndikuleetako entiisa, bw'ayogera Mukama, Mukama w'eggye okuva eri abo bonna abakwetoolodde; era muligobebwamu buli muntu okuviiramu ddala, so tewaliba wa kuluamya oyo awaba.
- 6 Naye oluvannyuma ndikomyawo obusibe bw'abaana ba Amoni, bw'ayogera Mukama.
- 7 Ebya Edomu. Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Amagezi tegakyali mu Temani? okuteesa kubuze abakabakaba? amagezi gaabwe gagenze?
- 8 Mudduke mukyuke okudda ennyuma, mwekise wansi, mmwe abatuula mu Dedani; kubanga ndimuleetako obuyinike bwa Esawu, ebiro lwe ndimujjira.
- 9 Abanozi b'ezabbibu singa bazze gy'oli, tebandirese zabbibu ezimu ez'okwerebwa? ababbi singa bazze kiro, tebandizikirizza okutuusa lwe bandikkuse?
- 10 Naye nze mmwambudde Esawu, mbikkudde ku bifo bye eby'ekyama, so taliyinza kwekweka: ezzadde lyo linyagiddwa ne baganda be ne baliraanwa be, so ye taliwo.
- 11 Leka abaana bo abatalina kitaabwe, nze ndibakuuma okuba abalamu; ne banamwandu bo banneesige nze.
- 12 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, abo abaali batagwanidde kunywa ku kikompe tebalirema kunywa; naawe ggwe wuuyo aliwonera ddala okubonerezebwa toliwona obutabonerezebwa, naye tolirema kunywa.
- 13 Kubanga nneerayidde nzekka, bw'ayogera Mukama, nga Bozula kirifuuka kyewuunyo n'ekivume n'amatongo n'ekikolimo; n'ebibuga byayo byonna binaabanga matongo agataliggwaawo.
- 14 Mpulidde ebighambo ebivudde eri Mukama, n'omubaka atumiddwa mu mawanga, ng'ayogera nti Mwekuaanye mokitabaale mugolokoke mulwane.
- 15 Kubanga, laba, nkufudde mutono mu mawanga, era anyoomebwa mu bantu.
- 16 Eby'okutiisa kwo, amalala ag'omu mutima gwo gakulimbye, ai ggwe atuula mu njatika ez'omu lwazi, eyeekwata entikko y'olusozi: ne bw'onoozimba ekisu kyo awagulumivu, okwenkana n'empungu, era ndikukkakkanya nga nkuggyayo, bw'ayogera Mukama.
- 17 Kale Edomu alifuuka kyewuunyo: buli anaayitangawo aneewuunyanga era anaasoozanga ebibonobono byonna ebyayo.
- 18 Nga Sodomu ne Ggomola bwe byasuulibwa n'ebibuga ebyaliraanawo, bw'ayogera

- Mukama, tewali muntu alibeera eyo, so tewaliba mwana wa muntu alituula omwo.
- 19 Laba, alyambuka ng'empologoma eva mu malala ga Yoludaani okulumba ekifo eky'okubeeramu eky'amaanyi; naye ndikumuddusa mangu ago; era buli alirondebwa oyo gwe ndikuza ku kyo: kubanga ani afaanana nze? era ani ananteekerawo ekiseera? era omusumba aluwa anaayimirira mu maaso gange?
 - 20 Kale muwulire okuteesa kwa Mukama kw'ateesezza eri Edomu; n'ebyo by'amaliridde eri abo abatuula mu Temani: mazima balibakulula, era n'abaana abato ab'omu kisibo mazima alizisa ekifo kye babeeramu wamu nabo.
 - 21 Ensi ekankana olw'eddooboozi ery'okugwa kwabwe; waliwo okuleekaana, eddooboozi lyakwo ne liwulirwa mu Nnyanja Emmyufu.
 - 22 Laba, alirinnya n'abuuka ng'empungu n'ayanjuluzza ebiwaawaatiro bye okulwanyisa Bozula: n'omutima gw'abasajja ab'amaanyi aba Edomu ku lunaku luli guliba ng'omutima gw'omukazi alumwa okuzaala.
 - 23 Eby'e Ddamasiko. Kamasi kwatiddwa ensanyi ne Alupadi; kubanga bawulidde ebigambo ebibi, basaanuuse: ku nnyanja kuliko obuyinike; teyinza kuteeka.
 - 24 Ddamasiko ayongobedde, akyuka okudduka, n'okukankana kumukutte: obubalagaze n'obuyinike bimunywezezza ng'omukazi alumwa okuzaala.
 - 25 Ekibuga eky'okutendereza kiki ekirobedde okukirekayo, ekibuga eky'essanyu lyange?
- 26 Abalenzi baakyo kyebaliva bagwira mu nguudo zaakyo, n'abasajja bonna abalwanyi balisirisibwa ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama w'eggye.
 - 27 Era ndikuma omuliro mu bbugwe w'e Ddamasiko, era gulyoka amayumba ga Benukadaadi.
 - 28 Ebya Kedali n'eby'obwakabaka bwa Kazoli Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni bwe yakuba. Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Mugolokoke mwambuke e Kedali, munyaga abaana ab'ebuvanjuba.
 - 29 Eweema zaabwe n'embuzi zaabwe balizitwala; balyetwalira bo bennyini amagigi gaabwe n'ebintu byabwe byonna n'eamira zaabwe: era balibalangira nti Entiisa eri ku njuyi zonna.
 - 30 Mudduke mutambuletambule wala mwekweke wansi, mmwe ababeera e Kazoli, bw'ayogera Mukama; kubanga Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni abateeserezza ebigambo, era abasalidde amagezi.
 - 31 Mugolokoke mwambuke eri eggwanga eryegolola, eribeerera awo nga lisiita, bw'ayogera Mukama; abatalina nzigi newakubadde ebisiba, abatuula bokka.
 - 32 N'eamira zaabwe ziriba munyago, n'olufulube lw'ensolo zaabwe luliba lwa kugereka: era ndisaasaanyiza awali empewo zonna abo abamwa oluge; era ndireeta obuyinike bwabwe okubafuluma enjuyi zonna, bw'ayogera Mukama.
 - 33 Era Kazoli kinaabanga kifo kya bibe eky'okubeerangamu, matongo ag'olubeerera: tewaabenga muntu alibeera eyo, so tewaabenga mwana wa muntu alituula omwo.
 - 34 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Yeremiya nnabbi ekya Eramu, Zeddekiya kabaka wa Yuda nga kyajje alye obwakabaka, nga kyogera nti
 - 35 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Laba, ndimenya omutego gwa Eramu, bwe bwesige obw'amaanyi gaabwe.
 - 36 Era ndireeta ku Eramu empewo ennya okuva mu njuyi zonna ez'eggulu, era ndibasaasaanyiza eri empewo ezo zonna; so tewaliba ggwanga abagobebwa aba Eramu gye batalituuka.
 - 37 Era nditiisa Eramu mu maaso g'abalabe baabwe ne mu maaso g'abo abanoonya obulamu bwabwe: era ndibaleetako obubi, ekiruyi kyange, bw'ayogera Mukama; era ndisindika ekitala okubagoberera okutuusa lwe ndibamalawo:
 - 38 era nditeeka entebe yange mu Eramu, ne mmalamu omwo kabaka n'abakungu,

bw'ayogera Mukama.

- 39 Naye olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma ndikomyawo nate obusibe bwa Edomu, bw'ayogera Mukama.

Essuula 50

- 1 Ekigambo Mukama kye yayogera ekifa ku Babulooni, eky'ensi ey'Abakaludaaya, mu Yereimiya nnabbi.
- 2 Mubuulire mu mawanga, mulangirire, musimbe ebendera; mulaalike, so temukisa: mwogere nti Babulooni kimenyeddw, Beri akwatiddwa ensonyi, Merodaaki akeen-tereddwa; ebifaananyi byakyo bikwatiddwa ensonyi, esanamu zaakyo zikeenteredwa.
- 3 Kubanga mu bukiika obwa kkono evaayo eggwanga okukitabaala, erizisa ensi yaakyo, so tewaliba alibeera omwo: badduse, bagenze, abantu era n'ensolo.
- 4 Mu nnaku ezo ne mu biro ebyo, bw'ayogera Mukama, abaana ba Isiraeri balijja, bo n'abaana ba Yuda wamu; balikwata ekkubo lyabwe nga bakaaba amaziga, era bali-noonya Mukama Katonda waabwe.
- 5 Balibuuza ebya Sayuuni, amaaso gaabwe nga gatunulayo, nga boogera nti Mujje mwegatte ne Mukama nga mulagaanye endagaano eteriggwaawo eteryerabirwa.
- 6 Abantu bange baabanga ndiga ezaabula: abasumba baabwe baabawabya, baabakyamiza ku nsozi: baavanga ku lusozi ne bagendanga ku kasozi, beerabidde ekifo kyabwe eky'okuwummuliramu.
- 7 Bonna abaabalaba babalidde: n'abalabe baabwe ne boogera nti Tetwonoona kubanga bo basobezza Mukama, omubeera obutuukirivu, Mukama essuubi lya bajajjaabwe.
- 8 Mudduke muve wakati mu Babulooni, muve mu nsi ey'Abakaludaaya, mubeere ng'embuzi emmandwa mu maaso g'ebisibo.
- 9 Kubanga, laba, ndigolokosa ekibiina ky'amawanga amakulu ne mbatabaaza Babulooni okuva mu nsi ey'obukiika obwa kkono: era balisimba ennyiriri okulwana nakyo; kiriggibwa eyo: obusaale bwabwe buliba ng'obw'omusajja ow'amaanyi omukabakaba; tewaliba alidda obusa.
- 10 Kale Obukaludaaya buliba munyago: bonna ababunyaga balikkuta, bw'ayogera Mukama.
- 11 Kubanga musanyuse, kubanga mujaguza, mmwe abanyaga obusika bwange, kubanga muligita ng'ente enduusi ewuula, ne mufugula ng'embalaasi ez'amaanyi;
- 12 nnyammwe alikwatibwa ensonyi nnyingi nnyo; eyabazaala aliswala: laba, aliba wa nkomerero mu mawanga, olukoola, ensi enkalu, n'eddungu.
- 13 Olw'obusungu bwa Mukama kyeriva erema okutuulwamu, naye erirekerwawo ddala: buli ayita ku Babulooni alisamaalirira n'asooza ebibonoobono byakyo byonna.
- 14 Musimbe ennyiriri okulwana ne Babulooni enjuyi zonna, mmwe mwenna abanaanuula omutege; mukirase, temusaasira busaale: kubanga kyayonoona Mukama.
- 15 Mukireekaanireko enjuyi zonna; kijeemulukuse; amakomera gaakyo gagudde, babugwe baakyo basuuliddwa: kubanga lye ggwanga Mukama ly'awalana; muki-walaneko eggwanga; nga bwe kyakolanga mukikole bwe mutyo.
- 16 Mumaleewo asiga mu Babulooni, n'oyo akwata ekiwabyo mu biro eby'okukunguli-ramu: olw'okutya ekitala ekijooga balikyukira buli muntu eri abantu b'ewaabwe, era baliddukira buli muntu mu nsi y'ewaabwe.
- 17 Isiraeri ndiga ewabye; empologoma zimugobye kabaka w'e Bwasuli ye yasooka okumulya; ne Nebukadduleeza ono kabaka w'e Babulooni ye w'enkomerero, amenye emagumba ge.
- 18 Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndibonereza

kabaka w'e Babulooni n'ensi ye nga bwe nnabonereza kabaka w'e Bwasuli.

- 19 Era ndikomyawo Isiraeri nate mu ddundiro lye, era aliriira ku Kalumeeri ne Basani, n'emmeane ye erikikutira ku nsozi za Efulayimu, ne mu Gireyaadi.
- 20 Mu nnaku ezo ne mu biro ebyo, bw'ayogera Mukama, obutali butuukirivu bwa Isiraeri balibunoonya so nga tewali; n'ebibi bya Yuda, so tebirirabika: kubanga ndisonyiwa abo be ndireka okuba ekitundu ekifisseewo.
- 21 Tabaala ensi y'e Merasayimu, gy'oba otabaala, n'abo abali mu Pekodi: otte ozikiririze ddala ennyuma waabwe, bw'ayogera Mukama, okole nga byonna bwe biri bye nnaku-lagira.
- 22 Eddoboozi ery'entalo liri mu nsi n'ery'okuzikirira okunene.
- 23 Ennyondo ey'ensi zonna ng'etemeddwa ng'emenyese! Babulooni nga kifuuse amatongo mu mawanga!
- 24 Nakutegera omutege, n'okukwatibwa okwatiddwa, ai Babulooni, so tewamanyirira: olabise n'okukwatibwa okwatiddwa, kubanga wawakana ne Mukama.
- 25 Mukama asumuludde etterekero ly'ebyokulwanyisa bye, era aggyeemu ebyokulwanyisa eby'okunyiiga kwe: kubanga Mukama, Mukama w'eggye, alina omulimu gw'agenda okukola mu nsi ey'Abakaludaaya.
- 26 Mujje mukirumbe nga muva ku nsalo ekomererayo, musumulule amawanika gaakyo: mukituume nga bifunvu, mukizikiririze ddala: waleme okubaawo ekintu ekisigala ku kyo.
- 27 Mutte ente zaakyo zonna; ziserengete mu kuttibwa: zizisanze! kubanga olunaku lwazo lutuuse, olunaku kwe zirijjirwa.
- 28 Eddoboozi ly'abo abadduka ne bawona mu nsi y'e Babuloomi, okubuulira mu Sayuuni eggwanga Mukama Katonda waffe ly'aliwalana, ly'aliwalana olwa yeekaalu ye.
- 29 Muyite abalasi bakuaane balumbe Babulooni, abo bonna abanaanuula omutege, musisire okukyolekera enjuyi zonna; waleme okuba aliwona ku kyo: musasule ng'omulimu gwakyo bwe gwali; nga byonna bwe biri bye kyakolanga, bwe mutyo mukikolanga: kubanga yabanga wa malala eri Mukama, eri Omutukuvu owa Isiraeri.
- 30 Abalenzi baakyo kye baliva bagwira mu nguudo zaakyo, abasajja baakyo bonna abalwanyi balisirisibwa ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama.
- 31 Laba, ndi mulabe wo, ai ggwe alina amalala, bw'ayogera Mukama, Mukama w'eggye: kubanga olunaku lwo lutuuse, ekiseera mwe nnaakujjirira.
- 32 Alina amalala alyesittala n'agwa, so tewaliba alimuyimusa; era ndikuma omuliro mu bibuga bye, era gulyokya bonna abamwetooldde.
- 33 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Abaana ba Isiraeri n'abaana ba Yuda baba-jogera wamu: n'abo bonna ababatwala okuba abasibe babanywezezza; bagaanyi okubata.
- 34 Omununuzi waabwe wa maanyi; Mukama w'eggye lye linnya lye: aliwoleza ddala ensongi yaabwe, alyoke awummuze ensi, era yeeraliikirize abo abali mu Babulooni.
- 35 Ekitala kiri ku Bakaludaaya, bw'ayogera Mukama, ne ku abo abali mu Babulooni ne ku bakungu baamu ne ku bagezigezi baamu.
- 36 Ekitala kiri ku abo abeenyumiriza, era balisiruwala: ekitala kiri ku basajja baamu ab'amaanyi, era balikeentererwa.
- 37 Ekitala kiri ku mbalaasi zaabwe ne ku magaali gaabwe ne ku bantu bonna abaatabulwa abali wakati mu kyo, era balifuuka ng'abakazi; ekitala kiri ku bintu byamu eby'obugagga, era birinyagibwa.
- 38 Ekyanda kiri ku mazzi gaamu, era galikalira: kubanga nsi ya bifaananyi byole, era balalukidde esanamu.
- 39 Ensolo ez'omu nsiko ez'omu ddungu kyezinaavanga zibeera eyo ne bamaaya banaabeeranga omwo so tekiibeerwengamu nate ennaku zonna; so tekiituulwengamu

emirembe n'emirembe.

- 40 Nga Katonda bwe yasuula Sodomu ne Ggomola n'ebibuga ebyaliraanawo bw'ayogera Mukama; bwe kityo tewaabenga muntu anaatuulanga eyo, so tewaabenga mwana wa muntu anaabeeranga omwo.
- 41 Laba, eggwanga liva obukiika obwa kkono; era ekika ekikulu, eri bakabaka bangi abaliyimusibwa okuva ku njuyi z'ensi ezikomererayo.
- 42 Bakwata omutego n'effumu; bakambwe so tebalina kusaasira; eddoozi lyabwe liwuuma ng'ennyanja era beebagala embalaasi; buli muntu ng'atala ng'omuntu bw'atalira olutalo, okulwana naawe, ai omuwala wa Babulooni.
- 43 Kabaka w'e Babulooni awulidde ettutumo lyabwe emikono gye ne giddirira: obubalagaze bumukutte n'obulumu ng'omukazi alumwa okuzaala.
- 44 Laba, alirinnya ng'empologoma eva ku malala ga Yoludaani, okulumba ekifo eky'amaanyi eky'okubeeramu naye ndikibaddusa mangu ago; eri buli alirondebwa, oyo gwe ndikuza ku kyo: kubanga ani afaanana nze era ani alintekerawo ekiseera? eri ani omusumba aliyimirira mu maaso gange?
- 45 Kale muwulire okuteesa kwa Mukama kw'ateeseza ku Babulooni; n'ebyo by'amaliridde eri ensi ey'Abakaludaaya: Tebalirema kubawalula okubaggyayo, abaana abato ab'omu kisibo; talirema kulekesaayo ekifo kyabwe eky'okubeeramu wamu nabo.
- 46 Olw'eddoozi y'okumenya Babulooni ettaka likankana, n'okukaaba kuwuliddwa mu mawanga.

Essuula 51

- 1 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndireeta ku Babulooni ne ku abo abali mu Lebukamaayi embuyaga ezizikiriza.
- 2 Era nditumira Babulooni bannaggwanga balikiwujja; n'ensi yaakyo baligimalamu byonna: kubanga balikirumbira enjuyi zonna ku lunaku lw'okulabiramu ennaku.
- 3 Omulasi aleme okunaanua omutego gwe, so aleme okweyimusa ng'ayambadde ekizibawo kye eky'ebyuma; so temusonyiwa balenzi baamu; muzikiririze ddala eggye lyamu lyonna.
- 4 Era baligwira mu nsi ey'Abakaludaaya nga battiddwa, era nga bafumitiddwa mu nguudo zaakyo.
- 5 Kubanga Isiraeri talekeddwayo Katonda we, Mukama w'eggwe, newakubadde Yuda; ensi yaabwe ng'ejjudde omusango gwe bazza eri omutukuvu wa Isiraeri.
- 6 Mudduke muve mu Babulooni wakati, muwonye buli muntu obulamu bwe; temuzikirizibwa mu butali butuukirivu bwakyo: kubanga bye biro Mukama mw'awalanira eggwanga; likisasula empeera.
- 7 Babulooni kyabanga kikompe kya zaabu mu mukono gwa Mukama, ekyatamiiza ensi zonna: amawanga ganywedde ku mwenge gwakyo; amawanga kyegavudde galaluka.
- 8 Babulooni kigudde mangu ago, era kizikiridde: mukiwowogganire; muddire eddagala olw'obulumu bwakyo, oba nga mpozzi kinaayinzika okuwonyezebwa.
- 9 Twandiwonyezza Babulooni, naye tekiwonye: mukireke, tudde buli muntu mu nsi y'ewaabwe ye; kubanga omusango gwakyo gutuuse mu ggulu, era gugulumizibwa okutuuka ne mu bbanga.
- 10 Mukama ayolesezza obutuukirivu bwaffe: mujje tubuulire mu Sayuuni omulimu gwa Mukama Katonda waffe.
- 11 Muzigule obusaale, munyweze engabo: Mukama akubirizza omwoyo gwa bakabaka b'Abameedi; kubanga okuteesa kwe kuli eri Babulooni okukizikiriza: kubanga lye ggwanga Mukama ly'awalana, ly'awalana olwa yeekaalu ye.

- 12 Musimbe ebendera okwolekera bbugwe w'e Babulooni, munyweze abakuumi, muteekeewo abakuuma, mutegeke abateezi: kubanga Mukama ateesezza n'okukola akoze ebyo bye yayogera ku abo abali mu Babulooni.
- 13 Ai ggwe atuula ku mazzi amangi, alina eby'obugagga ebingi ennyo nnyini, enkomerero yo etuuse, ekigera ky'omululu gwo.
- 14 Mukama w'eggye yeerayidde yekka ng'ayogera nti Mazima ndikujjuza abasajja nga bulusejjera; era balikukuba olwogoolo.
- 15 Yakola ensi n'obuyinza bwe, yanyweza ebintu byonna n'amagezi ge, era yabamba eggulu n'okutegeera kwe:
- 16 bw'aleeta eddoozi lye, wabaawo oluyoogaano olw'amazzi mu ggulu, era alinnyisa emikka okuva ku nkomerero z'ensi; akolera enkuba enjota, era aggya embuyaga mu mawanika ge.
- 17 Buli muntu afuuse ng'ensolo, so talina kumanya; buli muweesi wa zaabu ekifaananyi kye ekyole kimukwasa ensonyi: kubanga ekifaananyi kye ekisaanuuse bulimba, so mu byo temuli mukka,
- 18 Birerya, mulimu gwa bulimba: mu biro mwe birijjirirwa birizikirira.
- 19 Omugabo gwa Yakobo tegufaanana ebyo: kubanga oyo ye mubumbi wa byonna; era Isiraeri kye kika eky'obusika bwe: Mukama w'eggye lye linnya lye.
- 20 Ggwe mbazzi yange erwana, era eby'okulwanyisa byange: era ggwe ndimenyesamenyesa amawanga; era ggwe ndizikirizisa obwakabaka;
- 21 era ggwe ndimenyesamenyesa embalaasi n'oyo agyebagadde;
- 22 era ggwe ndimenyesamenyesa ekigaali n'oyo akitambuliramu; era ggwe ndimenyesamenyesa omusajja n'omukazi; era ggwe ndimenyesamenyesa omukadde n'omulenzi; era ggwe ndimenyesamenyesa omulenzi n'omuwala;
- 23 era ggwe ndimenyesamenyesa omusumba n'ekisibo kye; era ggwe ndimenyesamenyesa omulimi n'omugogo gwe ogw'ente; era ggwe ndimenyesamenyesa abafuga n'abasigire.
- 24 Era ndisasula Babulooni n'abo bonna abali mu Bukaludaaya obubi bwabwe bwonna bwe baakakola mu Sayuuni mmwe nga mulaba, bw'ayogera Mukama:
- 25 Laba, ndi mulabe wo, ai olusozi oluzikiriza, bw'ayogera Mukama, oluzikiriza ensi zonna: era ndikugololerako omukono gwange, ne nkuyiringisa okuva ku mayinja, era ndikufuula olusozi olwaggya.
- 26 So tebalikuggyako jjinja okuba ensonda, newakubadde ejjinja ery'emisingi; naye onoobanga matongo emirembe gyonna, bw'ayogera Mukama.
- 27 Musimbe ebendera mu nsi, mufuuwe ekkondeere mu mawanga, mutegeke amawanga okulwana nakyo, muyite obwakabaka obwa Alalati ne Mini ne Asukenaazi, okukikuaanirako: mukigabire omugabe; mulinnyise embalaasi ng'obuwuka obuliko obwoya.
- 28 Mutegeke amawanga okulwana nakyo, bakabaka b'Abameedi, abaamasaza baamu, n'abasigire bonna abaamu, n'ensi yonna gy'atwala.
- 29 Era ensi ekankana, erumwa: kubanga ebyo Mukama bye yamalirira eri Babulooni binywera, okufuula ensi y'e Babulooni amatongo, nga tewali abeeramu.
- 30 Abasajja ab'amaanyi ab'e Babulooni baleseeyo okulwana, basigadde mu bifo byabwe eby'amaanyi; amaanyi gaabwe gaweddewo; bafuuse ng'abakazi: ennyumba zaakyo zookeddwa; ebisiba byakyo bimenyese.
- 31 Matalisi omu aliddukana okusisinkana ne munne, n'omubaka omu okusisinkana ne munne, okunnyonyola kabaka w'e Babulooni ng'ekibuga kye kimenyeddwanya enjuyi zonna:
- 32 era basoonookerezza amawungukiro n'endago bazookezza omuliro, n'abasajja abalwanyani batidde.

- 33 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, nti Omuwala wa Babulooni alianga egguuliro mu biro lwe balisambiramu; ekyasigaddeyo ekiseera kitono ebiro eby'okukunguliramu birikituukira.
- 34 Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni andidde, ambetense, anfudde ekibya ekyereere, ammize ng'ogusota, ajjuzizza olubuto lwe eby'okuliira byange ebirungi; ansudde.
- 35 Ekyejo ekyagirirwa nze n'omubiri gwange kibeere ku Babulooni, ali mu Sayuuni bw'alyogera; era Omusaayi gwange gubeere ku abo abali mu Bakaludaaya, Yersaalemi bw'alyogera.
- 36 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndiwoza ensonga yo, ne nkuwalanira eggwanga: era ndikaliza ennyanja yaakyo, era ndimalawo ensulo yaakyo.
- 37 Kale Babulooni kirifuuka bifunvu, ekifo eky'ebibe eky'okubeeramu, ekyewuunyo, n'okusoozebwa, nga tewali akibeeramu.
- 38 Baliwulugumira wamu ng'empologoma ento; balivuumira wamu ng'abaana b'empologoma.
- 39 Bwe balibuguumirira, lwe ndifumba embaga yaabwe, era ndibatamiiza, basanyuke, era beebake otulo ototaliggwaawo, so baleme okuzuukuka, bw'ayogera Mukama.
- 40 Ndibaserengesa ng'abaana b'endiga okuttibwa, ng'endiga ennume wamu n'embuzi emmandwa.
- 41 Sesaki nga kimenyedwa! n'ettendo ery'ensi zonna nga balisonookerezza! Babulooni nga kifuuse amatongo mu mawanga!
- 42 Ennyanja erinnye ku Babulooni: olufulube lw'amayengo gaayo lukibisseeko.
- 43 Ebibuga byakyo bifuuse matongo, ensi enkalu n'eddungu, ensi omutali muntu so tewali mwana wa muntu ayitawo.
- 44 Era ndireeta omusango ku Beri mu Babulooni, era ndiggya mu kamwa ke ekyo kye yamira; so n'amawanga nga tegakyakulukutira wamu gy'ali nate: weewaawo, bbugwe w'e Babulooni aligwa.
- 45 Mmwe abantu bange, muve wakati mu kyo, mwerokole buli muntu ekiruyi kya Mukama.
- 46 So n'omutima gwammwe guleme okuzirika, so temutyanga olw'ekigambo ekiriwulirwa mu nsi; kubanga ekigambo kirijjira mu mwaka gumu, era oluvannyuma mu mwaka omulala ekigambo kirijja n'ekyejo mu nsi, owessaza ng'alwana n'owessaza.
- 47 Kale, laba, ennaku zijja lwe ndireeta omusango ku bifaananyi ebyole ebya Babulooni, n'ensi yaayo yonna erikwatibwa ensonyi; n'abaayo bonna abattiddwa baligwira wakati mu kyo.
- 48 Kale eggulu n'ensi ne byonna ebibirimu biriyimba n'essanyu olwa Babulooni; kubanga abanyazi balijja gye kiri okuva obukiika obwa kkono, bw'ayogera Mukama.
- 49 Nga Babulooni bwe kyagwisa aba Isiraeri abattibwa, bwe batyo e Babulooni ab'ensi yonna abattiddwa gye baligwira.
- 50 Mmwe abawonye ekitala, mugende, temuyimirira buyimirizi; mujjukire Mukama nga muyima wala, era Yersaalemi kiyingire mu mwoyo gwammwe.
- 51 Tukwatiddwa ensonyi, kubanga tuwulidde ebivume; amaaso gaffe gaswadde: kubanga bannaggwanga bayingidde mu bifo ebitukuvu eby'omu nnyumba ya Mukama.
- 52 Kale, laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndireeta omusango ku bifaananyi byakyo ebyole; ne mu nsi yaakyo yonna abaliko ebiwundu balisinda.
- 53 Babulooni newakubadde nga kirinnye okutuusa mu ggulu, era newakubadde nga kinywezezza entikko ey'amaanyi gaakyo, era naye abanyazi balijja gye kiri okuva we ndi, bw'ayogera Mukama.
- 54 Eddoboozi ery'okukaaba erivudde mu Babulooni n'ery'okuzikirira okunene erivudde mu nsi ey'Abakaludaaya!

- 55 kubanga Mukama anyaga Babulooni, era azikirizza oluyoogaano olunene okuva mu kyo; n'amayengo gaabwe gawuuma ng'amazzi amangi, era baleeta okuyoogaana kw'eddoboosi lyabwe:
- 56 kubanga omunyazi akituuseeko, ku Babulooni, n'abasajja baamu ab'amaanyi bawambiddwa, emitego gyabwe gimenyese menyese: kubanga Mukama ye Katonda asasula, talirema kuwa mpeera.
- 57 Era nditaamiiza abakungu baamu n'abagezigezi baamu, abaamasaza baamu n'abasi-gire baamu n'abasajja baamu ab'amaanyi; era balyebaka otulo ototaliggwaawo so tebalizuukuka, bw'ayogera Kabaka, erinnya lye Mukama w'eggye.
- 58 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Babbugwe abagazi b'e Babulooni balisu-ulirwa ddala, n'emiryango gyakyo emiwanvu giryokebwa omuliro; n'amawanga galiteganira obutaliimu, n'ebika biritaganira omuliro; era balikoowa.
- 59 Ekigambo Yeremiya nnabbi kye yalagira Seraya mutabani wa Neriya mutabani wa Maseya, bwe yagenda e Babulooni wamu ne Zeddekiya kabaka wa Yuda mu mwaka ogw'okufuga kwe ogw'okuma. Era Seraya yali ssaabakaaki omukulu.
- 60 Awo Yeremiya n'awandiika mu kitabo obubi bwonna obwali bugenda okujja ku Babulooni, bye bigambo ebyo byonna ebiwandikiddwa ku Babulooni.
- 61 Awo Yeremiya n'agamba Seraya nti Bw'olituuka mu Babulooni, kale tolemanga kusoma, ebigambo bino byonna,
- 62 oyogere nti Ai Mukama, wayogera eby'ekifo kino okukizikiriza omuntu yenna aleme okutuula omwo, omuntu newakubadde ensolo, naye kirekebwewo ennaku zonna.
- 63 Awo olulituuka bw'olimala okusoma ekitabo kino, n'olyoka okisibako ejjinja n'okisu-ula mu Fulaati wakati:
- 64 era olyogera nti Babulooni bwe kirikka bwe kityo, so tekiribbulukuka nate, olw'obubi bwe ndikireetako: era balikoowa. Ebigambo bya Yeremiya we bikoma wano.

Essuula 52

- 1 Zeddekiya yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu gumu bwe yalya obwakabaka; n'afugira emyaka kkumi na gumu mu Yersaalemi: ne nnyina erinnya lye yali Kamutali muwala wa Yeremiya ow'e Libuna.
- 2 N'akolanga ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebibi, nga byonna bwe byali Yekoyakimu bye yali akoze.
- 3 Kubanga kyatuukirira olw'obusungu bwa Mukama mu Yersaalemi ne Yuda okutuusa lwe yamala okubasuula okuva mu maaso ge: era Zeddekiya n'ajeemera kabaka w'e Babulooni.
- 4 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'omwenda ogw'okufuga kwe mu mwezi ogw'ekkumi ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni n'ajja, ye n'eggye lye lyonna, okutabaala Yersaalemi n'asiisira okukyolekera; ne bakizimbako ebigo enjuyi zonna.
- 5 Awo ekibuga ne kizingizibwa okutuuka ku mwaka ogw'ekkumi n'ogumu ogwa kabaka Zeddekiya.
- 6 Mu mwezi ogw'okuna ku lunaku olw'omwenda olw'omwezi enjala n'eba nnyingi mu kibuga, ne watabaawo mmere eri abantu ab'omu nsi.
- 7 Awo ne bawagula ekituli mu kibuga, abasajja bonna abalwanyani ne badduka ne bafulumu mu kibuga ekiro mu kkubo ery'omulyango wakati mu babbugwe ababiri, ogwaliraana olusuku lwa kabaka; (era Abakaludaaya baali bazingizizza ekibuga) enjuyi zonna ne bayita mu kkubo erya Alaba.
- 8 Naye eggye ery'Abakaludaaya ne bagoberera kabaka Zeddekiya ne bamuyisiriza mu nsenyi ez'e Yeriko; eggye lyonna ne lisaasaana okumuvaako.

- 9 Awo ne bawamba kabaka, ne bamwambusa eri kabaka w'e Babulooni e Libula mu nsi ey'e Kamasi; n'amusalira omusango.
- 10 Awo kabaka w'e Babulooni n'atta batabani ba Zeddekiya ye ng'alaba: era n'attira n'abakungu bonna aba Yuda e Libula.
- 11 Zeddekiya n'amugyamu amaaso; kabaka w'e Baulooni n'amusiba mu masamba n'amutwala e Babulooni, n'amuteeka mu kkomera okutuusa ku lunaku kwe yafiira.
- 12 Awo mu mwezi ogw'okutaano ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi, gwe mwaka ogw'ekkumi n'omwenda ogwa kabaka Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni, Nebuzaladaani mukulu w'abambowa, eyayimiriranga mu maaso ga kabaka w'e Babulooni, n'ajja mu Yersaalemi:
- 13 n'ayokya ennyumba ya Mukama n'ennyumba ya kabaka; n'enyumba zonna ez'omu Yeusaalemi, buli nnyumba ennene n'agyokya omuliro.
- 14 N'eggye lyonna ery'Abakaludaaya abaali wamu n'omukulu w'abambowa ne bamenya bbugwe yenna ow'e Yersaalemi enjuyi zonna.
- 15 Awo Nebuzaladaani omukulu w'abambowa nga basibe ku abo abasinga obwavu ku bantu n'ekitundu ekifisseewo ku bantu ekyali kisigadde mu kibuga n'abo abaali basenguse, abaasenga kabaka w'e Babulooni, n'ekitundu ekyali kisigaddewo eky'abakopi.
- 16 Naye Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'aleka ku abo abasinga obwavu mu nsi okulongoosanga emizabbibu n'okulimanga.
- 17 N'empagi ez'ebikomo ezaali mu nnyumba ya Mukama n'entebe n'ennyanja ey'ekikomo ebyali mu nnyumba ya Mukama Abakaludaaya ne babimenyaamenya, ne batwala e Babulooni ebikomo byabyo byonna.
- 18 Era n'entamu n'ebisena n'ebisalako ebisiriiza n'ebibya n'ebijiiko n'ebintu byonna eby'ebikomo bye baaweerezanga nabyo ne babitwala.
- 19 N'ebikompe n'emumbiro n'ebibya n'entamu n'ebikondo n'ebijiiko n'obubya; ebyali ebya zaabu, mu zaabu, n'ebyo ebyali ebya ffeeza, mu ffeeza, omukulu w'abambowa bwe yabitwala bw'atyo.
- 20 Empagi zombi, ennyanja emu, n'ente ennume ez'ebikomo ekkumi n'ebbiri ezaali wansi w'entebe, kabaka Sulemaani bye yakolera ennyumba ya Mukama: ebikomo eby'ebintu ebyo byonna tebyapimika.
- 21 N'empagi, obuwanvu bw'empagi emu emikono kkumi na munaana; n'omugwa ogw'emikono kkumi n'ebiri gwagyetooloola; n'obugazi bwayo bwali engalo nnya: yalimu omuwulukwa.
- 22 Era yaliko omutwe ogw'ekikomo; n'omutwe gumu obuwanvu bwagwo emikono etaano, omutwe nga guliko ebitimba n'amakomamawanga enjuyi zonna, byonna bya bikomo: n'empagi ey'okubiri nayo yaliko ebifaanana ebyo n'amakomamawanga.
- 23 Era ku mbiriizi kwaliko amakomamawanga kyenda mu mukaaga; amakomamawanga gonna gaali kikumi ku bitimba enjuyi zonna.
- 24 Awo omukulu w'abambowa n'atwala Seraaya kabona asinga obukulu ne Sefaniya kabona ow'okubiri n'abaggazi abasatu:
- 25 n'aggya mu kibuga omwami eyatwalanga abasajja abalwany; n'abasajja musanvu ku abo abaalabanga amaaso ga kabaka, abaalabika mu kibuga; n'omuwandiisi ow'omukulu w'eggye eyayolesanga abantu ab'omu nsi; n'abasajja nkaaga ab'oku bantu ab'omu nsi abaalabika mu kibuga wakati.
- 26 Awo Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'abatwala n'abaleeta eri kabaka w'e Babulooni e Libula.
- 27 Kabaka w'e Babulooni n'abafumita n'abattira e Libula mu nsi ey'e Kamasi. Awo Yuda n'atwalibwa nga musibe okuva mu nsi ye.
- 28 Bano be bantu Nebukadduleeza be yatwala nga basibe: mu mwaka ogw'omusanvu Abayudaaya enkumi ssatu mu amakumi abiri mu basatu:

- 29** mu mwaka gwa Nebukadduleeza ogw'ekkumi n'omunaana n'atwala nga basibe okubaggya e Yersaalemi abantu lunaana mu amakumi asatu mu babiri:
- 30** mu mwaka gwa Nebukadduleeza ogw'amakumi abiri mu esatu Nebuzaladaani omukulu w'abambowa n'atwala nga basibe ku Bayudaaya abantu lusanvu mu amakumi ana mu bataano: abantu bonna baali enkumi nnya mu lukaaga.
- 31** Awo olwatuuka mu mwaka ogw'amakumi asatu mu musanvu ogw'okusibibwa kwa Yekoyakini kabaka wa Yuda, mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri ku lunaku olw'amakumi abiri mu ttaano Evirumerodaaki kabaka w'e Babulooni mu mwaka ogw'olubereberye ogw'okufuga kwe n'ayimusa omutwe gwa Yekoyakini kabaka wa Yuda, n'amuggya mu kkomera;
- 32** n'ayogera naye eby'ekisa, n'agulumiza entebe ye okusinga entebe za bakabaka abaali awamu naye mu Babulooni.
- 33** N'awaanyisa ebyambalo bye eby'omu kkomera, n'aliiranga emmere bulijjo mu maaso ge ennaku zonna ez'obulamu bwe.
- 34** Era okumuliisanga kabaka w'e Babulooni n'amusalira ebyenkalakkalira, omugabo ogw'oku buli lunaku okutuusa ku lunaku kwe yafiira, ennaku zonna ez'obulamu bwe.

Okukungubaga

Essuula 1

- 1 Ekibuga nga kitudde kyokka ekyajjulanga abantu! Nga kifuuse okuba nga nnamwandu! Ekyabanga omukulu mu mawanga, omumbejja mu masaza, Nga kifuuse kya musolo!
- 2 Akaaba nnyo nnyini ekiro n'amaziga ge gali ku matama ge; Mu baganzi be bonna talina n'omu wa kumusanyusa: Mikwano gye gyonna bamukuusakuusizza, Bafuuse abalabe be.
- 3 Yuda agenze mu busibe olw'okubonyaabonyezebwa n'olw'obuddu obuzito; Abeera mu bannaggwanga, talaba kiwummulo: Bonna abamuyigganya bamukwatira wabi.
- 4 Amakubo ga Sayuuni gakaaba, kubanga tewali ajja eri okukuaana okutukuvu; Emiryango gye gyonna girekeddwawo, bakabona be basinda: Bawala be baliko obuyinike, naye yennyini abalagalwa.
- 5 Abalabe be bafuuse omutwe, abamukyawa balabye omukisa; Kubanga Mukama amubonyaabonyezza olw'olufulube lw'ebyonoono bye: Abaana be abato bagenze mu kusibibwa mu maaso g'omulabe.
- 6 Era omuwala wa Sayuuni afiiriddwa obukulu bwe bwonna: Abakungu be bafuuse ng'ennangaazi ezitalaba muddo, Era bagenze nga tebalina maanyi mu maaso g'oyo ayigganya.
- 7 Yersaalemi ajjukirira mu nnaku ez'okulabiramu ennaku n'obuyinike Ebintu bye byonna ebisanyusa, ebyabangawo okuva mu nnaku ez'edda: Abantu be bwe baagwa mu mukono gw'omulabe, so nga tewali amuyamba, Abalabe baamulaba ne baku-daalira okuziika kwe.
- 8 Yersaalemi yayonoona nnyo nnyini, kyavudde afuuka ng'ekintu ekitali kirongoofu: Bonna abaamussangamu ekitiibwa bamunyoome, kubanga balabye ensonyize: Weewaawo, assa ekikkowe n'akyuka ennyuma.
- 9 Empitambi ye yali mu birenge bye; teyajjukira nkomerero ye ya luvannyuma; Kyavudde akkakkanyizibwa ddala; talina amusanyusa: Ai Mukama, tunuulira okubonyaabonyezebwa kwange; kubanga omulabe yeegulumizizza.
- 10 Omulabe agolodde omukono gwe ku bintu bye byonna ebisanyusa: Kubanga alabye nga bannaggwanga bayingidde mu kifo kye ekitukuvu. Be walagirako baleme okuyingiranga mu kibiina kyo.
- 11 Abantu be bonna bassa ebikkowe, banoonya emmere; Bawaddeyo ebintu byabwe ebisanyusa okugula emmere okuweezaweeza emmeeme yaabwe: Tunula, ai Mukama, olabe; kubanga nfuuse ataliiko ky'agasa.
- 12 Temufaayo, mmwe mwenna abayitawo? Mutunule mulabe oba nga waliwo obuyinike bwonna obwenkana obuyinike bwange obukoleddwa nze, Mukama bw'ambonyaabonyezezza ku lunaku olw'ekiruyi kye.
- 13 Yaweereza omuliro mu magumba gange ng'ayima waggulu, ne gugawangula: Ategedde ebigere byange ekitimba, anzizzza ennyuma, Andeeseeko okuwuubaala n'okuzirika n'okuyongobera okuzibya obudde.
- 14 Ekikoligo ky'ebyonoono byange omukono gwe gwe gukisibye; Byezinzezinze, birinye ku nsingo yange; amazeewo amaanyi gange: Mukama angabudde mu mikono gy'abo be siyinza kuyimirira mu maaso gaabwe.
- 15 Mukama anyoomye abasajja bange bonna ab'amaanyi wakati mu nze; Ankuaanyiriz-zaako okukuaana okutukuvu okubetenta abalenzi bange: Mukama asambye omuwala wa Yuda atamanyi musajja nga mu ssogolero.
- 16 Olw'ebyo kyenvudde nkaaba amaziga; eriiso lyange, eriiso lyange likulukuta amazzi;

Kubanga omukubagiza eyandisanyusizza emmeeme yange andi wala: Abaana bange balekeddwawo kubanga omulabe awangudde.

- 17 Sayuuni ayanjuluza emikono gye; tewali wa kumukubagiza; Mukama alagidde ebya Yakobo abo abamwetoolodde babeere abalabe be: Yersaalemi ali mu bo ng'ekintu ekitali kirongoofu.
- 18 Mukama mutuukirivu; kubanga njeemedde ekiragiyo kye: Muwulire, mbeegayiridde, mmwe amawanga gonna, mulabe obuyinike bwange: Abawala bange n'abalenzi bange bagenze mu busibe.
- 19 Nayita baganzi bange, naye ne bannimba: Bakabona bange n'abakadde bange baawerayo obulamu bwabwe mu kibuga, Nga bwe beenoonyeza emmere okuweeza- weeza emmeeme zaabwe.
- 20 Tunula, ai Mukama; kubanga ndi munaku: emmeeme yange yeeraliikiridde; Omutima gwange gukyuse munda yange; kubanga njeemye nnyo nnyini: Ebweru ekitala kin- nyaga, mu nju mulimu ng'okufa.
- 21 Bawulidde nga nzisa ebikkowe; tewali wa kunkubagiza; Abalabe bange bonna bawulidde ennaku ze ndabye; basanyuse kubanga okireese: Olireeta olunaku lwe walangirira, nabo balifaanana nze.
- 22 Obubi bwabwe bwonna butuuke mu maaso go; Era obakole bo nga bw'onkoze nze olw'okusobya kwange kwonna: Kubanga ebikkowe bye nzisa bingi, n'omutima gwange guyongobedde.

Essuula 2

- 1 Mukama ng'abisseeko ekire ku muwala wa Sayuuni ng'aliko obusungu! Asudde ku nsi okuva mu ggulu obulungi bwa Isiraeri, So tadjukidde ntebe ya bigere bye ku lunaku olw'obusungu bwe.
- 2 Mukama amize ennyumba zonna eza Yakobo, so takwatiddwa kisa; Asudde ebifo eby'amaanyi eby'omuwala wa Yuda olw'obusungu bwe; Abikkakkanyizza okutuuka ku ttaka: Ayonoonye obwakabaka n'abakungu baamu.
- 3 Amazeewo ejjembe lyonna erya Isiraeri ng'aliko ekiryu; Azzizzaayo omukono gwe ogwa ddyo mu maaso g'omulabe: Era ayokezza Yakobo ng'omuliro ogwaka ennyo, ogwokya enjuyi zonna.
- 4 Anaanudde omutege gwe ng'omulabe, ayimiridde n'omukono gwe ogwa ddyo ng'omulabe, Era asse bonna abaasanyusanga amaaso: Mu weema ey'omuwala wa Sayuuni mw'afukidde obusungu bwe ng'omuliro.
- 5 Mukama afuuse ng'omulabe, amize Isiraeri: Amize amayumba gaamu gonna, aziki- rizza ebifo bye eby'amaanyi: Era ayongedde okuwuubaala n'okukungubaga mu muwala wa Yuda.
- 6 Era aggyeewo eweema ye lwa maanyi, ng'ey'omu lusuku; Azikirizza ekifo kye eky'okukuaanirangamu: Mukama yeerabizza mu Sayuuni okukuaana okutukuvu ne ssabbiiti, Era anyoomye kabaka ne kabona olw'okunyiiga kw'obusungu bwe.
- 7 Mukama asudde ekyoto kye, atamidwa awatukuvu we, Awaddeyo mu mukono gw'omulabe ebisenge by'amayumba gaamu: Bayoogaanidde mu nnyumba ya Mukama, nga ku lunaku olw'okukuaana okutukuvu.
- 8 Mukama ateesezza okuzikiriza bbugwe ow'omuwala wa Sayuuni; Aleeze omugwa, omukono gwe taguzzizzaayo okuleka okuzikiriza: Naye akungubazizza olukomera ne bbugwe; biggweerawo wamu.
- 9 Emiryango gye gibulidde mu ttaka; azikirizza amenye ebisiba bye: Kabaka we n'abakungu be bali mu mawanga eteri mateeka; Weewaawo, banaabbi be tebalaba kwolesebwa okuvudde eri Mukama.

- 10 Abakadde ab'omuwala wa Sayuuni batudde ku ttaka, basirise; Batadde enfuufu ku mitwe gyabwe; beesibye ebibukutu: Abawala ba Yerusaalemi bakoteka emitwe.
- 11 Amaaso gange gaziba olw'amaziga, emmeeme yange yeeraliikiridde, Ekibumba kyange kifukiddwa ku ttaka olw'okuzikirira kw'omuwala w'abantu bange; Kubanga abaana abato n'abayonka bazirikira mu nguudo ez'omu kibuga.
- 12 Bagamba bannyaabwe nti Eaano n'omwenge biri ludda wa? Bwe bazirikira ng'abaliko ebiwundu mu nguudo ez'omu kibuga, Emmeeme yaabwe bw'efukibwa mu kifuba kya bannyaabwe.
- 13 Kiki kye nnaakutegeeza nga ndi mujulirwa gy'oli? kiki kye nnaafaananya naawe, ai omuwala wa Yerusaalemi? Kiki kye nnenkanya naawe, nkusanyuse, ai omuwala wa Sayuuni atamanyi musajja? Kubanga ekituli kyo kinene ng'ennyanja: ani ayinza okukuwonya?
- 14 Bannabbi bo bakulabidde okwolesebwa okutaliimu okw'obusirusiru; So tebakunnyonyodde obutali butuukirivu bwo, okukomyawo obusibe bwo: Naye bakulabidde emigugu egitaliimu n'ensonga ez'okugobebwa.
- 15 Bonna abayitawo bakukubira mu ngalo; Basooza ne banyeenyereza omutwe gwabwe omuwala wa Yerusaalemi nga boogera nti Kino kye kibuga abantu kye baayitanga nti Obulungi obw'Abatuukirira, Essanyu ery'ensi zonna?
- 16 Abalabe bo bonna bakwasamidde nnyo akamwa kaabwe; Basooza ne baluma obujigi; boogera nti Tumumize; Mazima luno lwe lunaku lwe twasuubira; tulusanze, tululabye.
- 17 Mukama akoze ekyo kye yateesa; Atuukirizza ekigambo kye kye yalagira mu nnaku ez'edda; Asudde so tasaasidde: Era awadde omulabe okukusanyukirako, Agulumizizza ejjembe ly'abo abakukyawa.
- 18 Omutima gwabwe gwakaabira Mukama: Ai bbugwe ow'omuwala wa Sayuuni, amaziga gakulukute ng'omugga emisana n'ekiro; Teweewummuza n'akatono; emmunye y'eriiso lyo terekangayo.
- 19 Golokoka, okaabe ekiro ebisisimuka we bisookera; Fuka omutima gwo ng'amazzi mu maaso ga Mukama: Yimusa emikono gyo gy'ali olw'obulamu bw'abaana bo abato, Abaagala okufa enjala buli luguudo we lusibuka.
- 20 Tunula, ai Mukama, olabe bw'ali gw'okoze bw'oty o Abakazi balirya ebibala byabwe, abaana ababuusibwabuusibwa mu mikono gyabwe? Kabona ne nnabbi balittirwa mu kifo ekitukuvu ekya Mukama
- 21 Omulenzi n'omukadde bagalamidde ku ttaka mu nguudo; Abawala bange n'abalenzi bange bagudde n'ekitala: Obattidde ku lunaku olw'obusungu bwo; osse so tosaasidde.
- 22 Oyise entiisa zange okukuaana okuva enjuyi zonna nga ku lunaku olw'okukuaana okutukuvu, So tewali eyawona newakubadde eyasigalawo ku lunaku olw'obusungu bwa Mukama: Abo be nnabuusabuusa n'endera omulabe wange abamazeewo.

Essuula 3

- 1 Nze ndi muntu oyo eyalaba ennaku olw'omuggo ogw'obusungu bwe.
- 2 Yantwala n'antambuliza mu kizikiza so si mu musana.
- 3 Mazima tata kundeetako mukono gwe okuzibya obudde.
- 4 Omubiri gwange n'eddiba lyange abikadiyizza; amenye amagumba gange.
- 5 Anzimbiddeko n'anneetoolooza omususa n'okulumwa.
- 6 Antuuzizza mu bifo eby'ekizikiza ng'abo abaafa edda.
- 7 Ankomedde n'okuyinza ne siyinza kufulumu; azitoyezza olujegere lwange.
- 8 Weewaawo, bwe nkaaba ne nkuba enduulu okubeerwa, aggalira okusaba kwange.
- 9 Akomedde amakubo gange n'amayinja amateme, akyamizza empitiro zange.

- 10 Ali gye ndi ng'eddubu eteega, ng'empologoma eri mu bifo eby'ekyama.
- 11 Akyamizza olugendo lwange, n'antaagulataagula; ansamaalirizza.
- 12 Anaanudde omutege gwe, n'anteekawo okuba sabbaawa w'akasaale.
- 13 Ayingizizza mu mmeeme yange ebiri mu mufuko gwe.
- 14 Nfuuse eky'okusekererwa eri abantu bange bonna; n'oluyimba lwabwe okuzibya obudde.
- 15 Anzikusizza obubalagaze, annyiyizza abusinso,
- 16 Era amenye amannyo gange n'oluyinjajinja, ambisseeko evvu.
- 17 Era wayawula emmeeme yange okuba ewala n'emirembe; nneerabira omukisa bwe gufaanana.
- 18 Ne njogera nti Amaanyi gabuze, n'okusuubira kwange okuva eri Mukama.
- 19 Jjukira ennaku zange n'obuyinike bwange, abusinso n'omususa.
- 20 Emmeeme yange ekyabijjukira, era ekutanye mu nda yange.
- 21 Nkijjukira ekyo, kyenvudde mbeera n'okusuubira.
- 22 Kwe kusaasira kwa Mukama ffe obutamalwawo, kubanga ekisa kye tekiggwaawo.
- 23 Kiba kiggya buli nkya; obwesigwa bwo bungu.
- 24 Mukama gwe mugabo gwange, emmeeme yange bw'eyogera; kyennaava mmusuubira.

- 25 Mukama aba mulungi eri abo abamulindirira, eri emmeeme emunoonya.
- 26 Kirungi omuntu okusuubiranga n'okulindiriranga obulokozi bwa Mukama ng'ateredde.
- 27 Kirungi omuntu okusitula ekikoligo mu buto bwe.
- 28 Atuule yekka asirike, kubanga akimutaddeko.
- 29 Ateeke akamwa ke mu nfuufu oba nga mpozzi wanaabaawo okusuubira.
- 30 Awe ettama lye eri oyo amukuba; akkute okuvumibwa.
- 31 Kubanga Mukama talisuula ennaku zonna.
- 32 Kuba newakubadde ng'aleeta obuyinike, naye alikwatibwa ekisa ng'olufulube lw'okusaasira kwe bwe luli.
- 33 Kubanga tagenderera kubonyaabonya newakubadde okuluma abaana b'abantu.
- 34 Okulinnyirira n'ekigere abasibe bonna ab'omu nsi,
- 35 Okukyanya ensonga y'omuntu mu maaso g'oyo ali waggulu ennyo,
- 36 N'okulya ensonga, ebyo Mukama tabisiima.
- 37 Ani oyo ayogera ne kituukirira, Mukama nga takiragidde?
- 38 Mu kamwa k'oyo ali waggulu ennyo temuvaamu ebibi n'ebirungi?
- 39 Omuntu omulamu yeemulugunyiza ki, omuntu olw'okubonerezebwa olw'ebibi bye?
- 40 Tukebere tukeme emitima gyaffe, tukyukire nate eri Mukama.
- 41 Tuyimuse emitima gyaffe wamu n'engalo zaffe eri Katonda mu gulu.
- 42 Tusobezza era tujeemye; tosonyiye.
- 43 Otubisseeko obusungu, n'otuyigganya; osse so tosaasidde.
- 44 Weebisseeko ekire, okusaba kwafe kuleme okugguka okutuukayo.
- 45 Otufudde ng'empitambi n'ebisasiro wakati mu mawanga.
- 46 Abalabe baffe bonna batwasamidde nnyo akamwa kaabwe.
- 47 Entiisa n'obunnya bitutuuseeko, okunyagibwa n'okuzikirira.
- 48 Eriiso lyange likulukuta emigga egy'amazzi olw'okuzikirira kw'omuwala w'abantu bange.
- 49 Eriiso lyange litonnya, terirekaayo, terita n'akatono,
- 50 Okutuusa Mukama lw'anaatunula wansi n'alaba ng'ayima mu ggulu.
- 51 Eriiso lyange linakuwaza emmeeme yange olw'abawala bonna ab'ekibuga kyange.
- 52 Bancoccedde ddala nnyo ng'ennyonyi, ababa abalabe bange awatali nsonga.
- 53 Bamazeewo obulamu bwange mu nju ey'obunnya, era bansuddeko ejjinja.

- 54 Amazzi gaakulukuta ku mutwe gwange; ne njogera nti Mmaliddwawo.
- 55 Nakaabira erinnya lyo, ai Mukama, nga nnyima mu nju ey'obunnya eya wansi ennyo.
- 56 N'owulira eddoozi lyange; tokisa kutu kwo kussa mukka kwange, okukaaba kwange.
- 57 Wasembera ku lunaku kwe nnakukaabirira: n'oyogera nti Totya.
- 58 Ai Mukama, wawoza ensonga ez'emmeeme yange; wanunula obulamu bwange.
- 59 Ai Mukama, olabye okujoogebwa kwange; nsalira omusango.
- 60 Olabye eggwanga lyonna lye bawalana, n'enkwe zonna ze bansalira.
- 61 Owulidde okuvuma kwabwe, ai Mukama, n'enkwe zonna ze bansalira;
- 62 Emimwa gy'abo abangolokokerako n'ebyo bye bandowoolezaako okuzibya obudde.
- 63 Tunuulira okutuula kwabwe n'okuyimuka kwabwe; nze ndi luyimba lwabwe,
- 64 Olibasasula empeera, ai Mukama, ng'omulimu bwe guli ogw'emikono gyabwe.
- 65 Olibawa omutima ogukakanyadde, ekikolimo kyo eri bo.
- 66 Olibayigganya n'obusungu, n'obazikiriza okuva wansi w'eggulu lya Mukama.

Essuula 4

- 1 Zaabu ng'eyoonese! zaabu ennungi ennyo nnyini nga efuuse! Amayinja ag'omu kifo ekitukuvu gafukibwa buli luguudo we lusibuka.
- 2 Batabani ba Sayuuni ab'omuwendo omungi, abenkana zaabu ennungi, Nga bayitiddwa nsuwa za bbumba, omulimu gw'emikono gy'omubumbi!
- 3 Era n'emisege giggyayo amabeere, giyonsa abaana baagyo: Omuwala w'abantu bange afuuse mukambwe nga bamaaya mu ddungu.
- 4 Olulimi lw'omwana ayonka lwegasse n'ekibuno kye olw'ennyonta: Abaana abato basaba emmere, so tewali abagibegera.
- 5 Abaalyanga nga beenaanya bawuubaalira mu nguudo: Abaakulira mu ngoye ent-wakaavu bawambaatira mmungo,
- 6 Kubanga obutali butuukirivu bw'omuwala w'abantu bange businga obunene ekibi kya Sodomu, Ekyasuulibwa nga mu kaseera, so tewali eyakissaako omukono.
- 7 Abakungu baali balongoofu okusinga omuzira, baali beeru okusinga amata, Emibiri gyabwe gyasinga amayinja amatwakaavu okumyuka, baali banyirivu nga safiro:
- 8 Amaaso gaabwe gaasinga ekisiriiza okuddugala; tebaamanyibwa mu nguudo: Eddiba lyabwe lyegasse n'amagumba gaabwe; likaze, lifuuse ng'omuggo.
- 9 Abattiddwa n'ekitala basinga abo abafudde enjala; Kubanga abo bayongobera nga bafumitiddwa olw'okubulwa ebibala eby'omu nnimiro.
- 10 Abakazi ab'okusaasira okungi bafumbye abaana baabwe bo n'emikono gyabwe bo; Baabanga ba kulya gye bali mu kuzikirira kw'omuwala w'abantu bange.
- 11 Mukama atuukirizza ekiruyi kye, era afukidde ddala obusungu bwe obukambwe; Era akumye omuliro mu Sayuuni ogwokezza emisingi gyakyo.
- 12 Bakabaka b'ensi tebakkiriza, newakubadde bonna abatuula mu nsi zonna, Ng'omulabe n'oyo abakyawa agenda okuyingira mu miryango gy'e Yerusaalemi.
- 13 Lwa bibi bya bannabbi baamu n'obutali butuukirivu bwa bakabona baamu, Abaayiwa omusaayi gw'abatuukirivu wakati mu kyo.
- 14 Bawaba ng'abazibe b'amaaso mu nguudo, boonoonese n'omusaayi, N'okuyinza abantu ne batayinza kukoma ku byambalo byabwe.
- 15 Muveewo, bwe baabalangira, nti Ekitali kirongoofu muveewo, muveewo, temukomako: Bwe badduka ne bawaba, abantu ne boogera mu mawanga nti Tebakyabeera wano nate.
- 16 Obusungu bwa Mukama bubasaasaanyizza; takyassaayo mwoyo eri bo: Tebatya maaso ga bakabona, tebaganza bakadde.

- 17 Amaaso gaffe gakyaziba nga tutunuulira okubeerwa kwaffe okutaliiko kye kugasa: Bwe twalindirira twalindirira eggwanga eritayinza kulokola.
- 18 Bacocca ebisinde byaffe, n'okuyinza ne tutayinza kutambulira mu nguudo zaffe: Enkomerero yaffe eneetera kutuuka, ennaku zaffe zituukiridde; kubanga enkomerero yaffe etuuse.
- 19 Abatuyigganya basinga embiro empungu ez'omu bbanga: Batucocchera ku nsozi, baatuteegera mu ddungu.
- 20 Omukka ogw'omu nnyindo zaffe, oyo Mukama gwe yafukako amafuta, yakwatibwa mu bunnya bwabwe; Gwe twayogerako nti Tulituula mu mawanga wansi w'ekisiiki-rize ky'oyo.
- 21 Sanyuka ojaguze, ai omuwala wa Edomu abeera mu nsi ya Uzi: Ekikompe kirigguka kirituuka ne ku ggwe; olitamiira ne weebikkula.
- 22 Okubonereza obutali butuukirivu bwo kutuukiridde, ai omuwala wa Sayuuni; Takyakutwala nate mu busibe: Alibonereza obutali butuukiriw bwo, ai omuwala wa Edomu; Alikunyonnyola ebibi byo.

Essuula 5

- 1 Jjukira, ai Mukama, ebitujjide: Tunula olabe okuvumibwa kwaffe.
- 2 Obusika bwaffe bukyuse okuba obw'abanaggwanga, Ennyumba zaffe okuba ez'abatali ba muno.
- 3 Tuli bamulekwa, so tetulina bakitaffe, Bannyaffe bali nga bannamwandu.
- 4 Tunywedde amazzi gaffe lwa bintu; Enku zaffe bazituguza.
- 5 Abatucocca batuuse ku nsingo zaffe: Tukooye so tetulina kiwummulo.
- 6 Tubagololede Abamisiri emikono, N'Abasuuli olw'okukkuta emmere.
- 7 Bakitaffe baayonoona so tebaliwo; Naffe twetisse obutali butuukirivu bwabwe.
- 8 Abaddu batufuga: Tewali wa kutulokola mu mukono gwabwe.
- 9 Tufuna emmere yaffe lwa kusingawo bulamu bwaffe Olw'ekitala eky'omu ddungu.
- 10 Eddiba lyaffe liddugadde ng'akabiga. Olw'olubugumu olw'enjala olwokya.
- 11 Baakwatira abakazi mu Sayuuni, Abawala abatamanyi musajja mu bibuga bya Yuda.
- 12 Abakungu baawanikibwa n'omukono gwabwe: Amaaso g'abakadde tebaagassaamu kitiibwa.
- 13 Abalenzi baasitula olubengo, N'abaana abato beesittala nga beetikka enku.
- 14 Abakadde baweddewo mu mulyango Abalenzi baleseeyo okuyimba kwabwe.
- 15 Essanyu ery'omu mutima gwaffe likomye: Okuzina kwaffe kufuuse okuwuubaala.
- 16 Engule egudde evudde ku mutwe gwaffe: Zitusanze kubanga twonoonye.
- 17 Omutima gwaffe kyeguvudde guyongobera; Olw'ebyo amaaso gaffe kyegavudde gayimbaala;
- 18 Olw'olusozi lwa Sayuuni, olulekeddwawo; Ebibe bitambulira okwo.
- 19 Ggwe, ai Mukama, obeerera ennaku zonna; Entebe yo ebaawo okuva ku mirembe okutuuka ku mirembe gyonna.
- 20 Lwaki okutwerabira ennaku zonna, N'otuleka ebiro ebyenkanidde wano?
- 21 Tukyuse gy'oli, ai Mukama, naffe tunaakyusibwa; Ennaku zaffe ozizze buggya ng'edda.
- 22 Naye otusuulidde ddala, Otusunguwalidde nnyo.

Ezekyeri

Essuula 1

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'amakumi asatu mu mwezi ogw'okuna ku lunaku olw'omwezi olw'okutaano, bwe nnali ndi mu basibe ku mabbali g'omugga Kebali, eggulu ne libikkulibwa, ne ndaba okwolesebwa kwa Katonda.
- 2 Ku lunaku olw'okutaano olw'omwezi, gwe gwali omwaka ogw'okutaano ogw'okusi-bibwa kwa kabaka Yekoyakini,
- 3 ekigambo kya Mukama ne kijjirira ddala Ezeekyeri kabona mutabani wa Buuzi mu nsi ey'Abakaludaaya ku mabbali g'omugga Kebali; omukono gwa Mukama ne gubeera ku ye eyo.
- 4 Awo ne ntunula, era, laba, embuyaga ezikunta olw'amaanyi ne zifuluma obukiika obwa kkono, ekire ekinene n'omuliro ogw'ezingazinga n'okumasamasa okukyetooldde, era mu gwo wakati ne muva ng'ebbala erya zaabu etabuddwamu effeeza, eriva mu muliro wakati.
- 5 Era mu gwo wakati ne muva ekifaananyi eky'ebiramu bina. N'embala yaabyo yali bw'eti; byalina ekifaananyi eky'omuntu.
- 6 Era buli kimu kyalina obwenyi buna, era buli kimu ku byo kyalina ebiwaawaatiro bina.
- 7 N'ebigere byabyo byali bigere bigolokofu; ne munda w'ebigere byabyo nga mufaanana munda w'ekigere ky'ennyana: era nga bitangalijja ng'ebbala ery'ekikomo ekizigule.
- 8 Era byalina emikono gy'omuntu wansi w'ebiwaawaatiro byabyo ku mbiriizi zaabyo ennya: era ebyo ebina byalina obwenyi bwabyo n'ebiwaawaatiro byabyo bwe biti;
- 9 ebiwaawaatiro byabyo byagattibwa buli kiwaawaatiro ne kinnaakyo; tebyakyuka bwe byatambula; byagenda buli kimu nga byesimbye.
- 10 Ekifaananyi ky'obwenyi bwabyo, byalina obwenyi bw'omuntu; era ebyo ebina byalina obwenyi bw'empologoma ku lubiriizi olwa ddyo; era ebyo ebina byalina obwenyi bw'ente ku lubiriizi olwa kkono; ebyo byonna byalina n'obwenyi bw'empungu.
- 11 N'obwenyi bwabyo n'ebiwaawaatiro byabyo byali nga byawuse waggulu; ebiwaawaatiro bibiri ebya buli kimu byagattibwa wamu, n'ebibiri byasaanikira emibiri gyabyo.
- 12 Era buli kimu byagenda nga byesimbye: omwoyo gye gwabanga gugenda, gye byagenda; tebyakyuka bwe byagenda.
- 13 Ekifaananyi ky'ebiramu ebyo, embala yaabyo yali ng'ebisiriiza eby'omuliro ebyaka, ng'embala ey'emimuli; yayambukanga n'ekkira wakati mu biramu ebyo: era omuliro nga gumasamasa ne mu muliro ne muva enjota.
- 14 Ebiramu ne biddukana mbiro ne bikomawo ng'ekifaananyi eky'okumyansa kw'eggulu.
- 15 Awo bwe nnali nga ntunuulira ebiramu ebyo, laba, nnamuziga ku ttaka ku mabbali g'ebiramu, buli bwenyi ku bwenyi bwabyo obuna nnamuziga omu.
- 16 Embala eya bannamuziga n'omulimu gwabwe baafaanana ebbala erya berulo: era abo abana baalina ekifaananyi kimu: n'embala yaabwe n'omulimu gwabwe byali nga nnamuziga ali wakati wa nnamuziga.
- 17 Bwe baatambulanga baatambuliranga ku mbiriizi zaabwe ennya: tebaakyuka bwe baatambula.
- 18 Obwekulungirivu bwabwe bwali buwanvu, bwa ntiisa; era abo abana baalina obwekulungirivu bwabwe nga bujjudde amaaso enjuyi zonna.
- 19 Era ebiramu bwe byatambulanga, bannamuziga baatambuliranga ku mabbali gaabyo:

- era ebiramu bwe byasitulibwanga okuva ku ttaka, bannamuziga baasitulibwanga.
- 20 Omwoyo buli gye gwabanga gugenda, gye baagendanga; eyo omwoyo gye gwabanga gugenda: ne bannamuziga baasitulibwanga ku mabbali gaabyo; kubanga omwoyo ogw'ekiramu gwali mu bannamuziga.
 - 21 Ebyo bwe byatambulanga, ne bano baatambulanga; era ebyo bwe byayimiriranga, ne bano baayimiriranga; era ebyo bwe byasitulibwanga okuva ku ttaka, bannamuziga baasitulibwanga ku mabbali gaabyo: kubanga omwoyo ogw'ekiramu gwali mu bannamuziga.
 - 22 Era waggulu w'omutwe ogw'ekiramu waaliwo ekifaananyi eky'ebbanga, ng'ebbala erya kulusitalo ow'entiisa, nga kitimbibwa ku mitwe gyabyo waggulu.
 - 23 Era wansi w'ebbanga ebiwaawaatiro byabyo byali bigolokofu, ekimu kyalina bibiri ebyasaanikira eruuyi, na buli kimu kyalina bibiri ebyasaanikira eruuyi ku mibiri gyabyo.
 - 24 Era bwe byatambulanga, ne mpulira okuwuuma kw'ebiwaawaatiro byabyo ng'okuwuma kw'amazzi amangi, ng'eddooboozi ly'Omuyinza w'ebintu byonna, okuwuuma okw'oluyoogaano ng'okuwuma kw'eggye: bwe byayimiriranga, ne bissa ebiwaawaatiro byabyo.
 - 25 Era waaliwo eddooboozi waggulu w'ebbanga eryali waggulu w'emitwe gyabyo: bwe byayimiriranga, ne bissa ebiwaawaatiro byabyo.
 - 26 Era waggulu w'ebbanga eryali waggulu w'emitwe gyabyo kwaliko ekifaananyi eky'entebe, ng'embala ey'ejjinja eya safiro: ne ku kifaananyi eky'entebe kwaliko ekifaananyi ng'embala ey'omuntu ku yo waggulu.
 - 27 Ne ndaba ng'ebbala ery'ezaabu etabuddwamu effeeza, ng'embala ey'omuliro munda mu yo enjuyi zonna, okuva ku mbala y'ekiwato kye n'okwambuka; era okuva ku mbala y'ekiwato kye n'okukka, nalaba ng'embala ey'omuliro, era waaliwo okumasamasa okumwetooldde.
 - 28 Ng'embala eya musoke aba ku kire ku lunaku olw'enkuba, bw'etyo bwe yali embala ey'okumasamasa enjuyi zonna. Eno ye yali embala ey'ekifaananyi eky'ekitiibwa kya Mukama. Awo bwe nnakiraba, ne nvuunama amaaso gange, ne mpulira eddooboozi ly'oyo eyayogera.

Essuula 2

- 1 N'aamba nti Omwana w'omuntu, yimirira ku bigere bye nange naayogera naawe.
- 2 Kale omwoyo ne gyingira mu nze bwe yayogera nange, ne gunnyimiriza ku bigere byange; ne mpulira oyo eyayogera nange.
- 3 N'aamba nti Omwana w'omuntu, nkutuma eri abaana ba Isiraeri eri amawanga ama-jeemu, abanjeemedde: bo ne bajjajjaabwe bansobyanga okutuukira ddala ku lunaku olwa leero.
- 4 N'abaana ba kyejo, era ba mitima mikakanyavu; nkutuma eri abo: era olibagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda.
- 5 Nabo, oba nga banaawulira, oba nga banaalekayo, (kubanga nnyumba njeemu era naye balimanya nga mu bo mubaddemu nnabbi.
- 6 Naawe omwana w'omuntu, tobatyanga, so totyanga bigambo byabwe, newakubadde emyeramannyo n'amaggwa nga biri naawe, era ng'obeera mu njaba ez'obusagwa: totyanga bigambo byabwe, so tokeentererwanga olw'amaaso gaabwe, newakubadde nga nnyumba njeemu.
- 7 Era olibagamba ebigambo byange oba nga banaawulira) oba nga banaalekayo: kubanga bajeemu nnyo nnyini.
- 8 Naye ggwe, omwana w'omuntu, wulira kye nkugamba tobanga ggwe mujeemu

ng'ennyumba eyo enjeemu: yasama akamwa ko olye ekyo kye nkuwa:

- 9 Awo bwe nnatunula, laba, omukono gugololwa eri nze; era, laba, omuzingo gw'ekitabo nga guli omwo;
- 10 n'agwanjululiza mu maaso gange; era gwawandiikibwa munda ne kungulu: era mwawandiikibwamu okuwuubaala n'okukungubaga n'obuyinike.

Essuula 3

- 1 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, lya ekyo ky'osanga; lya omuzingo guno, ogende ogambe ennyumba ya Isiraeri.
- 2 Awo ne njasama akamwa kange n'andiisa omuzingo.
- 3 N'aamba nti omwana w'omuntu, liisa olubuto wo, ojjuze ebyenda byo omuzingo guno gwe nkuwa. Kale ne ngulya, ne guba mu kamwa kange ng'omubisi gw'enjuki okuwoomerera.
- 4 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, genda otuuke eri ennyumba ya Isiraeri, oyogere nabo ebigambo byange.
- 5 Kubanga totumiddwa eri eggwanga ery'enjogera gy'otomanyi era ab'olulimi oluzibu, wabula eri ennyumba ya Isiraeri;
- 6 si eri amawanga amangi ab'enjogera gy'otomanyi era ab'olulimi oluzibu, b'otoyinza kutegeera bigambo byabwe. Mazima singa nkubatumidde bo, bandikuwulidde.
- 7 Naye ennyumba ya Isiraeri tebalikuwulira; kubanga tebalimpulira nze: kubanga ennyumba yonna eya Isiraeri ba kyenye kikalubo era ba mutima mukakanyavu.
- 8 Laba, nkalubizza amaaso go awali amaaso gaabwe, n'ekyenye kyo nkikalubizza awali ekyenye kyabwe.
- 9 Nfudde ekyenye kyo ng'alimasi okukaluba okusinga ejjinja ery'embaalebaale: obatyanga, so tokecentererwanga olw'amaaso gaabwe, newakubadde nga nnyumba njeemu.
- 10 Era nate n'aamba nti Omwana w'omuntu, ebigambo byange byonna bye ndikubuulira, bikkirize mu mutima gwo, owulire n'amatu go.
- 11 Era genda otuuke eri abo ab'obusibe, eri abaana ab'abantu bo, oyogere nabo obabulire nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda, oba nga banaawulira, oba nga banaalekayo.
- 12 Awo omwoyo ne gunsitula, ne mpulira ennyuma wange eddoboosi ery'okuwulukuka okunene nga lyogera nti Ekitiibwa kya Mukama kyebazibwe okuva mu kifo kye.
- 13 Awo ne mpulira okuwuuma kw'ebiwaawaatiro by'ebiramu nga bikomaganako, n'okuwuuma kwa bannamuziga ku mabbali gaabyo, okuwuuma okuwulukuka okunene.
- 14 Awo omwoyo ne gunsitula ne guntwala: ne enda nga ndiko obuyinike n'omwoyo gwange nga gubugumye, omukono gw'a Mukama ne guba gw'amaanyi ku nze.
- 15 Awo ne ndyoka njija eri ab'obusibe e Terabibu, abaabeera ku mugga Kebali, ne mu kifo mwe baabeera; ne ntuula awo mu bo nga nsamaaliridde ne mmala ennaku musanvu.
- 16 Awo olwatuuka ennaku musanvu bwe zaayitawo, ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 17 Omwana w'omuntu nkufudde omukuumi eri ennyumba ya Isiraeri: kale wulira ekigambo ek'y'omu kamwa kange, obawe okulaba okuva gye ndi.
- 18 Bwe amba omubi nti Tolirema kufa; naawe n'otomulabula so toyogera okulabula omubi okuva mu kkubo lye ebbi okuwonya obulamu bwe: omubi oyo alifiira mu butali butuukirivu bwe; naye omusaayi gwe ndiguvunaana mu mukono gwo.
- 19 Era naye bw'olabula omubi, n'atakyuka okuleka obubi bwe newakubadde okuva mu

kkubo lye ebibi, alifira mu butali butuukirivu bwe; naye ggwe ng'owonyezza emmeeme yo.

- 20 Nate omuntu omutuukirivu bw'akyuka okuleka obutuukirivu bwe, n'akola obutali butuukirivu, nange ne nteeka enkonge mu maaso ge, alifa: kubanga tomulabudde, alifira mu kibi kye, n'ebikolwa bye ebituukirivu bye yakola tebirijjukirwa; naye omusaayi gwe ndiguvunaana mu mukono gwo.
- 21 Era naye bw'olabula omuntu omutuukirivu, omutuukirivu aleme okukola ekibi n'atakola kibi, mazima aliba mulamu, kubanga alabuse; naawe ng'owonyezza emeeme yo.
- 22 Awo omukono gw'a Mukama ne guba ku nze eyo; n'aamba nti Golokoka ofulume ogende mu lusenyi, nange ndyogerera naawe eyo.
- 23 Awo ne ngolokoka ne nfuluma ne enda mu lusenyi kale, laba, ekitiibwa kya Mukama nga kiyimiridde eyo, ng'ekitiibwa bwe kyali kye nnalaba ku lubalama lw'omugga Kebali ne nvuunama amaaso gange.
- 24 Awo omwoyo ne guyingira mu nze ne gunnyimiriza ku bigere byange, n'ayogera nange n'aamba nti Genda weggalire mu nnyumba yo.
- 25 Naye ggwe, omwana w'omuntu, laba, balikussaako enjegere, ne bazikusibisa, so tolifuluma mu bo:
- 26 era ndyegassa olulimi lwo n'ekibuno kyo, obeere kasiru era oleme okubeera gye bali anenya: kubanga nnyumba njeemu.
- 27 Naye bwe njogera naawe, ndyasamy akamwa ko, naawe olibagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Awulira awulire; n'oyo alekayo alekeyo; kubanga nnyumba njeemu.

Essuula 4

- 1 Era, omwana w'omuntu, weddirire ettoffaali oliteeke mu maaso go, oliwandiikeko ekibuga, Yerusaalemi:
- 2 okizingize, okizimbireko ebigo, okituumireko ekifunvu; era teekawo ensiisira okukirumba, okisimbeko ebitomera enjuyi zonna.
- 3 Era weddirire ekikalango eky'ekyuma okiteekewo okuba bbugwe ow'ekyuma wakati wo n'ekibuga: okisseeko amaaso go, kale kirizingizibwa, naawe olikizingiza. Ako kaliba kabonero eri ennyumba ya Isiraeri.
- 4 Era nate galamiririra ku lubiriizi lwo olwa kkono, oluteekeko obutali butuukirivu bw'ennyumba ya Isiraeri: ng'omuwendo gw'ennaku bwe guliba z'oligalamiririra ku lwo, bw'olyetikka obutali butuukirivu bwabwe.
- 5 Kubanga ntaddewo emyaka egy'obutali butuukirivu bwabwe okuba gy'oli omuwendo gw'ennaku, ennaku ebikumi bisatu mu kyenda: bw'otyo bw'olyetikka obutali butuukirivu obw'ennyumba ya Isiraeri.
- 6 Era nate bw'oliba ng'omaze ezo, oligalamiririra ku lubiriizi lwo olwa ddyo, olyetikka obutali butuukirivu obw'ennyumba ya Yuda: ennaku amakumi ana, buli lunaku mwaka, bwe nnabuteekerawo gy'oli.
- 7 Era osse amaaso go eri okuzingizibwa kwa Yerusaalemi, omukono gwo nga gubikkud-dwako; era olikiragulirako.
- 8 Era, laba, nkuteekako enjegere, so tokyukanga okugalamirira ku lubiriizi olulala, okutuusa lw'olimala ennaku ez'okuzingiza kwo.
- 9 Era weetwalire eaano ne sayiri n'ebijanjaalo ne kawo n'omuwemba n'obulo, obiteeke mu kintu ekimu, weegoyere omugaati nabyo; ng'omuwendo gw'ennaku z'oligalamiririra ku lubiriizi lwo, ennaku ebikumi bisatu mu kyenda, bw'onoolirangako bw'otyo.

- 10 N'emmere yo gy'onoolyanga eneepimibwanga, sekeri amakumi abiri buli lunaku: onoogiriiranga mu ntuuko zaayo.
- 11 Era onoonywanga amazzi agagerebwa, ekitundu eky'a yini eky'omukaaga: onoonyw-eranga mu ntuuko zaago.
- 12 Era onoogiryanga nga migaati gya sayiri, era onoogyokeranga mu mazzi agava mu bantu, bo nga balaba.
- 13 Awo Mukama n'ayogera nti Era bwe batyo n'abaana ba Isiraeri banaalyanga emmere yaabwe nga si nnongoofu mu mawanga gye ndibagobera.
- 14 Awo ne njogera nti Woowe, Mukama Katonda! Laba, emmeeme yange teyonoonebwanga: kubanga okuva ku buto bwange na buli kati siryanga ku ekyo ekifa kyokka newakubadde ekitaaguddwa ensolo; so n'ennyama ey'omuzizo teyingiranga mu kamwa kange.
- 15 Awo n'alyoka aamba nti Laba, nkuwadde obusa bw'ente mu kifo ky'amazi ag'abantu, era onoolongooserezanga okwo omugaati gwo.
- 16 Era nate n'aamba nti Omwana w'omuntu, laba, ndimenya omuggo ogw'omugaati mu Yerusaalemi: kale banaalyanga omugaati nga bagupima era nga beeraliikirira; era banaanywanga amazzi nga bagagera era nga basamaalirira:
- 17 babulwe omugaati n'amazzi, era basamaaliriragane, ne bayongerera mu butali butuukirivu bwabwe.

Essuula 5

- 1 Naawe, omwana w'omuntu, ddira ekitala eky'obwogi, okyeddirire ng'akamwano ak'omumwi, okiyise ku mutwe gwo ne ku kirevu kyo: kale otwale eminzaani okupima, oyawule mu nviiri.
- 2 Ekitundu eky'okusatu okyokeranga mu muliro wakati mu kibuga, ennaku ez'okuzingiza nga zituukiridde; n'ekitundu eky'okusatu okiddiranga, n'otema n'ekitala okukyetooolola; n'ekitundu eky'okusatu okisaasaanyizanga eri empewo, nange ndisowola ekitala ekiribagoberera.
- 3 Era otwalangako omuwendo gwazo si nnyingi n'ozisiba mu kirenge kyo.
- 4 Era ne ku ezo otwalangako, ozisuule mu muliro wakati, ozookere mu muliro; mu zo omuliro mwe guliva ogulibuna ennyumba yonna eya Isiraeri.
- 5 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kino ye Yerusaalemi: nkitadde wakati mu mawanga, n'ensi zikyetooolodde.
- 6 Era kyajeemera emisango gyange nga kikola obubi okusinga amawanga, era kijeemedde amateeka gange okusinga ensi ezikyetooolodde: kubanga bagaanyi emisango gyange, n'amateeka gange tebagatambuliddemu.
- 7 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Kubanga muli ba mawaggali okukira amawanga agabeetoolodde, so temutambulidde mu mateeka gange, so temukutte misango gyange, so temukoze ng'ebiragirowe biri eby'amawanga agabeetoolodde;
- 8 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, nze, nze mwene, ndi mulabe wo; era ndituukiriza emisango wakati mu ggwe amawanga nga galaba.
- 9 Era ndikolera mu ggwe ekyo kye ssikolanga, era kye ssigenda kukola nate ekiri bwe kityo, olw'emizizo gyo gyonna.
- 10 Bakitaabwe kyebaliva baliira abaana wakati mu ggwe, n'abaana balirya bakitaabwe: era ndituukiririza emisango mu ggwe, n'ekitundu kyo kyonna ekifisseewo ndikisaasaanyiza eri empewo zonna.
- 11 Kale, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, kubanga wayonoona awatukuvu wange n'ebibyo byonna eby'ebivve n'ebibyo byonna eby'emizizo, nange kyendiva nkukendeeza; so n'amaaso gange tegalisonyiwa so nange sirikwatibwa kisa.

- 12 Ekitundu kyo eky'okusatu kirifa kawumpuli, era balimalibwawo n'enjala wakati mu ggwe; n'ekitundu eky'okusatu kirigwa n'ekitala okukwetooloola; n'ekitundu eky'okusatu ndikisaasaanyiza eri empewo zonna, n'ensowola ekitala ekiribagoberera.
- 13 Obusungu bwange bwe bulituukirira bwe butyo, era ndikkusa ekiruyi kyange ku bo, kale ndisanyusibwa: kale balimanya nga nze Mukama njogedde olw'obunyiikivu bwange, bwe ndimala okutuukiririza ku bo ekiruyi kyange.
- 14 Era nate ndikufuula amatongo n'ekivume mu mawanga gonna agakwetoolodde, abo bonna abayitawo nga balaba.
- 15 Awo kiriba kivume n'ekikiino ekiyigirwako era ekisamaalirirwa eri amawanga agakwetoolodde, bwe ndituukiririza emisango mu ggwe nga ndiko obusungu n'ekiruyi, era nga nnenya n'ekiruyi: nze Mukama nkyogedde
- 16 bwe ndibaweerezaako obusaale obubi obw'enjala obw'okuzikiriza bwe ndiweereza okubazikiriza: era ndyongera ku mmwe enjala, era ndimenya omuggo gwammwe ogw'omugaati;
- 17 era ndibaweerezaako enjala n'ensolo embi, era zirikufiriza; era kawumpuli n'omusaayi biriyita mu ggwe; era ndikuleetako ekitala: nze Mukama nkyogedde.

Essuula 6

- 1 Era ekigambo lya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, osse amaaso ge eri ensozi za Isiraeri, oziragule, oyogere nti
- 3 Mmwe ensozi za Isiraeri muwulire ekigambo kya Mukama Katonda: bw'ati Mukama Katonda bw'agamba ensozi n'obusozi, emigga n'ebiwonvu, nti Laba, nze, nze mwene, ndibaleetako ekitala, eri ndizikiriza ebifo byammwe ebigulumivu.
- 4 N'ebiyoto byammwe birirekebawo, n'ebifaananyi byammwe eby'enjuba birimenyeka: eri ndisuula abasajja bammwe abattibwa mu maaso g'ebifaananyi byammwe.
- 5 Era ndigalamiza emirambo gy'abaana ba Isiraeri mu maaso g'ebifaananyi byabwe, era ndisaasaanya amagumba gammwe okwetooloola ebyoto byammwe.
- 6 Mu bifo byonna mwe mubeera ebibuga birizisibwa, n'ebifo ebigulumivu birirekebawo: ebyoto byammwe bisisibwe era birekebawo, n'ebifaananyi byammwe bimenyeke biggweewo, n'ebifaananyi byammwe eby'enjuba bitemerwe ddala, n'emirimu gyammwe giggibwewo.
- 7 Kale abattibwa baligwa wakati mu mmwe, era mulimanya nga nze ndi Mukama.
- 8 Era naye ndireka ekitundu ekifisseewo, kubanga muliba n'abamu abaliwona ekitala mu mawanga, bwe mulisaasaanyizibwa mu nsi nnyingi.
- 9 Kale abo abaliwona ku mmwe balinjijukira nga bayima mu mawanga gye balitwalibwa mu basibe, bwe nnamenyeka olw'omutima gwabwe omwenzi, oguvudde ku nze, n'olw'amaaso gaabwe agagenda nga gayenda okugoberera ebifaananyi byabwe: kale balyetamwa mu maaso gaabwe bo olw'obubi bwe bakola mu mizizo gyabwe gyonna.
- 10 Era balimanya nga nze Mukama: saayogerera bwereere nga ndibakola obubi buno.
- 11 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kuba n'omukono gwo, era samba n'ekigere kyo, oyogere nti Woowe! olw'emizizo gyonna emibi egy'ennyumba ya Isiraeri: kubanga baligwa n'ekitala n'enjala ne kawumpuli.
- 12 Ali ewala alifa kawumpuli; n'oyo ali okumpi aligwa n'ekitala; n'oyo asigalawo n'azingizibwa alifa enjala: bwe ntyo bwe ndituukiririza ekiruyi kyange ku bo.
- 13 Nammwe mulimanya nga nze ndi Mukama, abasajja baabwe abattiddwa bwe baliba mu bifaananyi byabwe okwetooloola ebyoto byabwe, ku buli lusozi oluwanvu, ku ntikko zonna ez'ensozi ne wansi wa buli muti ogwera ne wansi wa buli mwera omuziyivu, ekifo mwe baweerangayo evvumbe eddungi eri ebifaananyi byabwe

byonna.

- 14** Nange ndibagololerako omukono gwange ne ndekesawo ensi ne ngizisa, okuva ku ddungu e Dibula, okubuna ennyumba zaabwe zonna: kale balimanya nga nze ndi Mukama.

Essuula 7

- 1** Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2** Naawe, omwana w'omuntu, bw'ati Mukama Katonda bw'agamba ensi ya Isiraeri nti Enkomerero: enkomerero yennyini etuuse ku nsonda ennya ez'ensi.
- 3** Kaakano enkomerero ekutuuseeko, nange ndikuweereza ku busungu bwange, era ndikusalira omusango ng'amakubo go bwe gali; era ndikuleetako emizizo gyo gyonna.
- 4** So n'eriiso lyange teririkusonyiwa so sirikwatibwa kisa: naye ndikuleetako amakubo go, n'emizizo gyo giriba mu ggwe wakati: kale mulimanya nga nze Mukama.
- 5** Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Akabi, akabi kamu: laba, kajja.
- 6** Enkomerero etuuse, enkomerero yennyini etuuse, ezuukuka eri ggwe: laba, ejja.
- 7** Omusango gwo gutuuse gy'oli, ai ggwe atuula mu nsi: ekiseera kituuse, olunaku luli kumpi; olunaku olw'okusasamaliramu so si lwa kwogereramu waggulu n'essanyu, ku nsozi.
- 8** Kaakano naatera okufukira ddala ekiruyi kyange ku ggwe, ne ntuukiriza obusungu bwange eri ggwe, ne nkusalira omusango ng'amakubo go bwe gali; era ndikuleetako emizizo gyo gyonna.
- 9** So n'eriiso lyange teririsonyiwa so sirikwatibwa kisa: ndikuleetako ng'amakubo go bwe gali, n'emizizo gyo giriba mu ggwe wakati; kale mulimanya nga nze Mukama nkuba.
- 10** Laba, olunaku, laba, lujja: omusango gwo gufulumye; omuggo gwanyizza, amalala gamulisizza.
- 11** Ekyejo kigolokose okuba omuggo ogw'obubi; tewaliba ku bo abalisigalawo, newakubadde olufulube lwabwe newakubadde obugagga bwabwe: so tewaliba bukulu mu bo.
- 12** Ekiseera kituuse, olunaku lusembedde kumpi: agula aleme okusanyuka, so n'atunda aleme okunakuwala: kubanga obusungu buli ku lufulube lwabwe lwonna.
- 13** Kubanga atunda talidda eri ekyo ekitundibwa, newakubadde nga bakyali balamu: kubanga okwolesebwa kwa lufulube lwabwe lwonna, tewaliba alidda; so tewaliba alyenyweza mu butali butuukirivu obw'obulamu bwe.
- 14** Bafuuye ekkondeere bategese byonna; naye tewali agenda mu lutalo: kubanga obusungu bwange buli ku lufulube lwabwe lwonna.
- 15** Ekitala kiri bweru, ne kawumpuli n'enjala biri munda: ali mu nnimiro alifa n'ekitala; n'oyo ali mu kibuga enjala ne kawumpuli birimulya.
- 16** Naye abo abaliwonawo ku bo baliwona, era baliba ku nsozi nga bukaamukuukulu obw'omu biwonvu, bonna nga bawuubaala, buli muntu mu butali butuukirivu bwe.
- 17** Emikono gyonna giriyongobera, n'amaviivi gonna galiba manafu ng'amazzi.
- 18** Era balyesiba ebibukutu, n'ensisi eribabikkako; n'ensonyi ziribeera ku maaso gonna, n'emitwe gyabwe gyonna giribaako ebiwalaata.
- 19** Balisuula effeeza yaabwe mu nguudo, ne zaabu yaabwe eriba ng'ekintu ekitali kiron-goofu; effeeza yaabwe ne zaabu yaabwe tebiriyanza kubawonya ku lunaku olw'obusungu bwa Mukama; tebalyekkusa mmeeme zaabwe, so tebalyejjuza mbuto zaabwe: kubanga ebyo bye byabanga enkonge ey'obutali butuukirivu bwabwe.
- 20** Obulungi obw'obuyonjo bwe yabusimba mu bukulu: naye ne bakolera ebifaananyi

eby'emizizo gyabwe n'ebintu byabwe eby'ebivve omwo: kyenvudde mbufuula gye bali ng'ekintu ekitali kirongoofu.

- 21 Era ndibuwaayo mu mikono gya bannaggwanga okuba omunyago, n'eri ababi ab'omu nsi okuba eky'okugereka; era balibwonoona.
- 22 Era ndikyusa n'amaaso gange okugabaggyako, era bo balyonoona ekifo kyange eky'ekyama: era abanyazi balikiyingiramu ne bakyonoona.
- 23 Kola olujegere: kubanga ensi ejjudde emisango egy'omusaayi, era ekibuga kijjudde ekyejo.
- 24 Kyendiva ndeeta bannaggwanga abasinga obubi, ne balya ennyumba zaabwe: era ndikomya amalala ag'ab'amaanyi; n'ebifo byabwe ebitukuvu biryonoonebwa.
- 25 Okuzikirira kujja; era balinoonya emirembe, kale nga tewali.
- 26 Walijja akabi ku kabi, era waliwulirwa ebigambo ku bigambo; era balinoonya okwolesebwa eri nnabbi; naye amateeka galibula awali kabona, n'okuteesa awali abakadde.
- 27 Kabaka aliwuubaala, n'omukungu alyambala obuyinike, n'emikono gy'abantu ab'omu nsi giryeraliikirira: ndibakola ng'ekukubo lyabwe bwe liri, era nga bwe basaanidde bwe ndibasalira omusango; kale balimanya nga nze Mukama.

Essuula 8

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'omukaaga mu mwezi ogw'omukaaga ku lunaku oIw'okutaano olw'omwezi, bwe nnali nga ntudde mu nnyumba yange n'abakadde ba Yuda nga batudde mu maaso gange, omukono gwa Mukama Katonda ne gugwira eyo ku nze.
- 2 Awo ne ntunula, era, laba, ekifaananyi ekyali ng'embala ey'omuliro; okuva ku mbala ey'ekiwato kye ne wansi, muliro: n'okuva ku kiwato kye n'okwambuka, ng'embala ey'okumasamasa, ng'ebbala lya zaabu etabuddwamu effeeza.
- 3 Awo n'agolola ekyali ng'omukono n'ankwata ku muvumbo gw'enviiri ez'oku mutwe gwange; omwoyo ne gunsitula wakati w'ensi n'eggulu ne guntwala e Yerusaalemi mu kwolesebwa kwa Katonda, eri oluggi olw'omulyango ogw'oluggya olw'omunda, ogutunuulira obukiika obwa kkono; awali entebe ey'ekifaananyi eky'obuggya ekireeta obuggya.
- 4 Awo, laba, ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali eyo ng'embala bwe yali gye nnalabira mu lusenyi.
- 5 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, yimusa amaaso go kaakano eri ekkubo erigenda obukiika obwa kkono. Awo ne nnyimusa amaaso gange eri ekkubo erigenda obukiika obwa kkono, kale, laba, ekifaananyi kino eky'obuggya nga kiri mu mulyango ku luuyi olw'obukiika obwa kkono olw'omulyango ogw'ekyoto.
- 6 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, olaba kye bakola? olaba emizizo emikulu ennyumba ya Isiraeri gye bakolera wano, ndyoke nneesambe wala awatukuvu wange? naye onoolaba nate n'emizizo emirala emikulu.
- 7 Awo n'andeeta ku luggi olw'oluggya; awo bwe nnatunula, laba, ekituli nga kiri mu kisenge.
- 8 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, sima nno mu kisenge awo bwe nnamala okusima mu kisenge, laba, oluggi.
- 9 N'aamba nti Yingira olabe emizizo egy'obubi gye bakolera wano.
- 10 Awo ne nyingira ne ndaba; era, laba, buli ngeri ey'ebyevalula n'ensolo ez'emizizo n'ebifaananyi byonna eby'ennyumba ya Isiraeri nga bitoneddwa ku kisenge enjuyi zonna.
- 11 Era nga wayimiridde mu maaso gaabyo abasajja nsanvu ku bakadde ab'omu nnyumba ya Isiraeri, ne wakati mu bo nga muyimiridde Yaazaniya mutabani wa Safani, buli

muntu ng'akutte ekyoterezo kye mu mukono gwe; akaloosa ak'ekire eky'obubaane ne kanyooka.

- 12 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, olabye abakadde ab'omu nnyumba ya Isiraeri kye bakolera mu kizikiza, buli muntu mu bisenge bye ebirimu ebifaananyi? kubanga boogera nti Mukama tatulaba; Mukama yaleka ensi.
- 13 Era n'aamba nti Era onoolaba nate n'emizizo emirala emikulu gye bakola.
- 14 Awo n'andeeta eri oluggi olw'omulyango ogw'ennyumba ya Mukama ogwayolekera obukiika obwa kkono; awo, laba, abakazi nga batudde eyo nga bakaabira Tammuzi.
- 15 Awo n'aamba nti Olabye, omwana w'omuntu? era onoolaba nate emizizo egisinga gino obukulu.
- 16 Awo n'andeeta mu luggya olw'omunda olw'ennyumba ya Mukama, kale, laba, ku luggi olwa yeekaalu ya Mukama wakati w'ekisasi n'ekyoto nga waliwo abasajja ng'amakumi abiri mu bataano, abakubye enkoona yeekaalu ya Mukama n'amaaso gaabwe nga gatunuulira ebuvanjuba; era nga basinza enjuba nga batunuulira ebuvanjuba.
- 17 Awo n'aamba nti Olabye, omwana w'omuntu? kigambo kyangu eri ennyumba ya Yuda nga bakola emizizo gye bakolera wano? kubanga bajjuzizza ensi ekyejo, era bakyuse nate okunsunguwaza: era, laba, basembeza ettabi ku nnyindo yaabwe.
- 18 Era nange kyendiva nkola n'ekiruyi: eriiso lyange teririsonyiwa so sirikwatibwa kisa: era newakubadde nga bakaaba n'eddoboozi ddene mu matu gange, siribawulira.

Essuula 9

- 1 Awo n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene mu matu gange ng'ayogera nti Sembeza abo abakulira ekibuga, buli muntu ng'akutte ekyokulwanyisa kye ekizikiriza mu mukono gwe.
- 2 Kale, laba, abasajja mukaaga ne bajja nga bafulumu mu kkubo ery'omulyango ogw'engulu ogwolekera obukiika obwa kkono, buli muntu ng'akutte ekyokulwanyisa kye ekitta mu mukono gwe; n'omusajja omu wakati mu bo ayambadde bafuta ng'alina ekikompe kya bwino eky'omuwandiisi mu kiwato. Ne bayingira ne bayimirira ku mabbali g'ekyoto eky'ekikomo.
- 3 Awo ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali kirinnye okuva ku kerubi kwe kyali okutuuka ku mulyango ogw'ennyumba: n'ayita omusajja ayambadde bafuta eyalina ekikompe kya bwino eky'omuwandiisi mu kiwato.
- 4 Awo Mukama n'amugamba nti Genda oyite wakati mu kibuga, wakati mu Yersaalemi, oteeke akabonero ku byenyi by'abantu abassa ebikkowe era abakaabira emizizo gyonna egikolerwa wakati mu kyo.
- 5 N'abalala n'abagamba nze nga mpulira nti Mmwe muyite mu kibuga nga mumuvaako ennyuma mufumite: eriiso lyammwe lireme okusonyiwa so temubanga na kisa:
- 6 muttire ddala omukadde n'omulenzi n'omuwala n'abaana abato n'abakazi: naye temusembereranga muntu yenna aliko akabonero era musookere ku watukuvu wange. Awo ne basookera ku bakadde abaali mu maaso g'ennyumba
- 7 N'abagamba nti Ennyumba mugyonoone, mujjuze empya abattibwa: mufulume. Awo ne bafulumu ne bafumitira mu kibuga.
- 8 Awo olwatuuka bwe baali nga bafumita nange nga nsigaddewo, ne nvuunama amaaso gange ne nkaaba ne njogera nti Woowe, Mukama Katonda! onoozikiriza Isiraeri yenna afisseewo, ng'ofukira ddala ekiruyi kye ku Yersaalemi?
- 9 Awo n'aamba nti Obutali butuukirivu bw'ennyumba ya Isiraeri ne Yuda bungi nnyo nnyini, n'ensi ejjudde omusaayi, n'ekibuga kijjudde okulya ensonga: kubanga boogera nti Mukama yaleka ensi, so Mukama talaba.

- 10 Era nange eriiso lyange teririsonyiwa so sirisaasira, naye ndireeta ekkubo lyabwe ku mutwe gwabwe.
- 11 Kale, laba, omusajja ayambadde bafuta eyalina ekikompe ekya bwino mu kiwato n'azza ebigambo ng'ayogera nti Nkoze nga bw'ondagidde.

Essuula 10

- 1 Awo ne ntunula, era, laba, mu bbanga eryali waggulu w'omutwe gwa bakerubi ne walabika waggulu waabwe ng'ejjinja erya safiro ng'embala ey'ekifaananyi eky'entebe.
- 2 N'agamba omusajja ayambadde bafuta n'ayogera nti Yingira wakati wa bannamuziga abeetooloola abawulukuka, wansi wa kerubi, ojjuze ebibatu byo byombi ebisiriiza eby'omuliro ebiva wakati wa bakerubi, obimansire ku kibuga. Awo n'ayingira nze nga ndaba.
- 3 Era bakerubi baali bayimiridde ku luuyi olw'ennyumba olwa ddyo omusajja bwe yayingira; ekire ne kijjuza oluggya olw'omunda.
- 4 Ekitiibwa kya Mukama ne kirinnya okuva ku kerubi, ne kiyimirira waggulu ku mulyango ogw'ennyumba; ennyumba n'ejjula ekire, oluggya ne lujjula okumasamasa okw'ekitiibwa kya Mukama.
- 5 N'okuwuuma kw'ebiwaawaatiro bya kerubi ne kuwulirwa okutuuka ne mu luggya olw'ebweru, ng'eddoboozi lya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna bw'ayogera.
- 6 Awo olwatuuka bwe yalagira omusajja ayambadde bafuta ng'ayogera nti Ggya omuliro wakati wa bannamuziga abeetooloola abavulukuka wakati wa bakerubi, n'ayingira n'ayimirira ku mabbali ga mamuziga.
- 7 Awo kerubi n'agolola omukono gwe ng'ayima wakati wa bakerubi eri omuliro ogwali wakati wa bakerubi n'atwalako, n'aguteeka mu mikono gy'oyo ayambadde bafuta, oyo n'agutoola n'afuluma.
- 8 Awo ne walabika mu bakerubi embala ey'omukono gw'omuntu wansi w'ebiwaawaatiro byabwe.
- 9 Awo ne ntunula, era, laba, bannamuziga bana nga bali ku mabbali ga bakerubi, nnamuziga omu ng'ali ku mabbali ga kerubi omu, ne nnamuziga omulala ng'ali ku mabbali ga kerubi omulala: n'embala eya bannamuziga yali ng'ebbala ery'ejjinja erya berulo.
- 10 N'embala yaabwe, abo abana baalina ekifaananyi kimu, kwenkana mamuziga ng'ali munda wa nnamuziga.
- 11 Bwe baatambulanga, ne batambulira ku mbiriizi zaabwe ennya: tebaakyuka bwe baatambula, naye mu kifo omutwe gye gwatunulanga, ne bagugobereranga tebaakyuka bwe baatambula.
- 12 N'omubiri gwabwe gwonna n'amabega gaabwe n'emikono gyabwe n'ebiwaawaatiro byabwe ne bannamuziga byali bijjudde amaaso enjuyi zonna, bannamuziga abo abana be baalina.
- 13 Bannamuziga, baabayita nze nga mpulira bannamuziga abeetooloola abawulukuka.
- 14 Era buli omu yalina obwenyi buna: obwenyi obw'olubereberye bwali bwenyi bwa kerubi, n'obwenyi obw'okubiri bwali bwenyi bwa muntu, n'obwenyi obw'okusatu bwenyi bwa mpologoma, n'obw'okuna bwenyi bwa mpungu.
- 15 Era bakerubi baalinnya waggulu: ekyo kye kiramukye nnalabira ku mabbali g'omugga Kebali.
- 16 Era bakerubi bwe baatambulanga, bannamuziga ne batambulira ku mabbali gaabwe: era bakerubi bwe baayimusanga ebiwaawaatiro byabwe okulinnya okuva ku ttakka, so ne bannamuziga tebaakyukanga okuva ku mabbali gaabwe.

- 17 Abo bwe baayimiriranga, ne bano ne bayimirira; era bo bwe balinnyanga waggulu, ne bano ne balinnyira wamu nabo: kubanga omwoyo gw'ekiramu gwali mu bo.
- 18 Awo ekitiibwa kya Mukama ne kifulumu okuva waggulu ku mulyango gw'ennyumba ne kiyimirira waggulu wa bakerubi.
- 19 Era bakerubi baayimusa ebiwaawaatiro byabwe ne balinnya okuva ku ttaka nze nga ndaba bwe baifuluma, ne bannamuziga ku mabbali gaabwe: era baayimirira ku luggi olw'omulyango ogw'ebuvanjuba ogw'ennyumba ya Mukama; era ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali ku bo waggulu.
- 20 Ekya kye kiramu kye nnalaba wansi wa Katonda wa Isiraeri ku mabbali g'omugga Kebali; ne mmanya nga be bakerubi.
- 21 Buli omu yalina obwenyi buna kinnoomu, era buli omu ebiwaawaatiro bina; n'ekifaananyi eky'emikono gy'omuntu kyali wansi w'ebiwaawaatiro byabwe.
- 22 Era ekifaananyi eky'obwenyi bwabwe, bwe bwali obwenyi bwe nnalabira ku mabbali g'omugga Kebali, embala zaabwe nabo bennyini; bonna baatambulanga nga beesimba.

Essuula 11

- 1 Era nate omwoyo ne gunsitula ne guntwala eri omulyango ogw'ebuvanjuba ogw'ennyumba ya Mukama ogutunuulira ebuvanjuba: kale, laba, ku luggi olw'omulyango nga kuliko abasajja amakumi abiri mu bataano; ne ndaba wakati mu bo Yaazaniya mutabani wa Azuli ne Peratiya mutabani wa Benaya, abakungu ab'omu bantu.
- 2 N'aamba nti Omwana w'omuntu, bano be basajja abagunja obutali butuukirivu, era abawa okuteesa okubi mu kibuga kino:
- 3 aboogera nti Ekiseera tekiri kumpi okuzimba ennyumba: ekibuga kino ye ntamu, naffe nnyama.
- 4 Kale obalagulireko, lagula, ai omwana w'omuntu.
- 5 Awo omwoyo gwa Mukama ne gungwako, n'aamba nti Yogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Bwe mutyo bwe mwogedde, ai ennyumba ya Isiraeri; kubanga mmanyi ebigambo ebiyingira mu mwoyo gwammwe.
- 6 Mwazizza abammwe abattibwa mu kibuga kino, era mujjuzizza enguudo zaakyo abo abattibwa.
- 7 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Abammwe abattibwa be mutadde wakati mu kyo, abo ye nnyama, n'ekibuga ye ntamu: naye mmwe muliggibwa wakati mu kyo.
- 8 Mutidde ekitala; nange ndibaleetako ekitala, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 9 Era ndibaggya wakati mu kyo, ne mbawaayo mu mikono gya bannaggwanga, era ndituukiriza mu mmwe emisango.
- 10 Muligwa n'ekitala; ndibasalira omusango mu nsalo ya Isiraeri; kale mulimanya nga nze Mukama.
- 11 Ekibuga kino si kye kiriba entamu yammwe, so nammwe si mmwe muliba ennyama wakati mu kyo; ndibasalira omusango mu nsalo ya Isiraeri;
- 12 kale mulimanya nga nze Mukama: kubanga temutambulidde mu mateeka gange, so temutuukirizza misango gyange, naye mukoze ng'ebiragirowe bwe biri eby'amawanga agabeetoolodde.
- 13 Awo olwatuuka bwe nnalagula, Peratiya mutabani wa Benaya n'afa. Awo ne nvuunama amaaso gange, ne nkaaba n'eddoboozi ddene ne njogera nti Woowe, Mukama Katonda! onoomaliwaro ddala ekitundu kya Isiraeri ekifissewo?
- 14 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 15 Omwana w'omuntu, baganda bo, abasajja ab'ekika kyammwe, n'ennyumba yonna eya

Isiraeri, bonna, be baabo abagambiddwa abo abali mu Yerusaalemi nti Mwesambe wala Mukama: ffe ensi eno etuweereddwa okuba obutaka:

- 16 kale yogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga nabajjulula ne mbatwala wala mu mawanga, era kubanga mbasaasaanyizza mu nsi nnyingi era naye ndiba gye bali ekifo ekitukuvu ekiseera ekitono mu nsi gye batuuse.
- 17 Kale yogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ndibakuaanya okubaggya mu mawanga, ne mbayoola okubaggya mu nsi mwe mwasaasaanyizibwa, era ndibawa ensi ya Isiraeri.
- 18 Kale balijjajo, ne baggyawo ebintu byayo byonna eby'ebivve n'emizizo gyayo gyonna ne bagimalayo.
- 19 Era ndibawa omutima gumu, era nditeeka omwoyo omuggya mu mmwe; era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mutima gwabwe, ne mbawa omutima ogw'ennyama:
- 20 balyoke batambulirenga mu mateeka gange ne bakwata ebyo bye nnassaawo ne babikola: era banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe.
- 21 Naye abo, omutima gwabwe gutambula okugoberera omutima ogw'ebintu byabwe eby'ebivve n'emizizo gyabwe, ndireeta ekkubo lyabwe ku mitwe gyabwe bo, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 22 Awo bakerubi ne balyoka bayimusa ebiwaawaatiro byabwe, ne bannamuziga nga bali ku mabbali gaabwe; n'ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali ku bo waggulu.
- 23 N'ekitiibwa kya Mukama ne kirinnya okuva wakati mu kibuga, ne kiyimirira ku lusozi oluli ku luuyi lw'ekibuga olw'ebuvanjuba.
- 24 Omwoyo ne gunsitula ne guntwalira mu kwolesebwa olw'omwoyo gwa Katonda e Bukaludaaya eri ab'obusibe. Awo okwolesebwa kwe nnali ndabye ne kulinnya okunvaako.
- 25 Awo ne njogera n'ab'obusibe ebigambo byonna Mukama bye yali andaze.

Essuula 12

- 1 Era ekigambo kya Mukama kyanjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, obeera wakati mu nnyumba eyo enjeemu abalina amaaso ag'okulaba so tebalaba, abalina amatu ag'okuwulira so tebawulira; kubanga nnyumba njeemu.
- 3 Kale, ggwe omwana w'omuntu, weetegekere ebintu eby'obuwaanguse, ositule okusenguka misana bo nga balaba; era olisenguka mu kifo kyo n'odda mu kifo ekirala bo nga balaba: mpozzi balirowooza, newakubadde nga nnyumba njeemu.
- 4 Era oliggyamu ebintu misana bo nga balaba, ng'ebintu eby'obuwaanguse: era oli vaamu wekka akawungeezi bo nga balaba, ng'abantu bwe bavaamu abagobebwa ewaabwe.
- 5 Sima ekisenge bo nga balaba, oyiseemu ebintu.
- 6 Bisitulire ku kibegabega kyo bo nga balaba, obifulumye ekizikiza nga kikutte; olibikka ku maaso go oleme okulaba ettaka: kubanga nkutaddewo okuba akabonero eri ennyumba ya Isiraeri.
- 7 Awo ne nkola bwe ntyo nga bwe nnalagirwa: naggyamu ebintu byange emisana ng'ebintu eby'obuwaanguse, akawungeezi ne nsima ekisenge n'omukono gwange; ne mbiggyamu ekizikiza nga kikutte, ne mbisitulira ku kibegabega kyange bo nga balaba.
- 8 Awo enkya ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 9 Omwana w'omuntu, ennyumba ya Isiraeri, ennyumba enjeemu, tebakugambye nti Okola ki?
- 10 Bagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Omugugu guno gwa mulangira

wa mu Yerusaalemi n'ennyumba yonna eya Isiraeri be balimu.

- 11 Yogera nti Nze ndi kabonero kammwe: nga bwe nkoze, bwe batyo bwe balikolwa: baligobebwa ewaabwe okugenda mu busibe.
- 12 N'omulangira ali mu bo alisitulira ku kibegabega kye ekizikiza nga kikutte n'afuluma; balisima mu kisenge okuyisaamu ebintu okubifulumya: alibikka ku maaso ge, kubanga taliraba ttaka n'amaaso ge.
- 13 Era ndimusuulako ekitimba kyange, era aliteegebwa mu kyambika kyange: era ndimutwala e Babulooni mu nsi ey'Abakaludaaya: era naye talikiraba, newakubadde ng'alifiira eyo.
- 14 Era ndisaasaanyiza eri empewo zonna abo bonna abamwetoolodde okumuyamba n'ebibiina bye byonna; era ndisowola ekitala ekiribagoberera.
- 15 Kale balimanya nga nze Mukama, bwe ndibasaasaanyiza mu mawanga ne mbataataa-ganyiza mu nsi nnyingi.
- 16 Naye ndirekawo ku bo abasajja batono abaliwona ekitala n'enjala ne kawumpuli; balyoke babuulirenga emizizo gyabwe gyonna mu mawanga gye balituuka; kale balimanya nga nze Mukama.
- 17 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 18 Omwana w'omuntu, lya emmere yo ng'okankana, onywe amazzi ng'ojugumira era nga weeraliikirira; ogambe abantu ab'omu nsi, nti
- 19 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda ku abo abali mu Yerusaalemi n'ensi ya Isiraeri nti Balirya emmere yaabwe nga beeraliikirira, era balinywa amazzi gaabwe nga basamaalirira, ensi yaakyo erekebwewo byonna ebirimu olw'ekyejo ky'abo bonna abatuulamu.
- 20 N'ebibuga ebibeerwamu birizisibwa, n'ensi eriba matongo; kale mulimanya nga nze Mukama.
- 21 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 22 Omwana w'omuntu, lugero ki luno lwe mulina mu nsi ya Isiraeri, nga mwogera nti Ennaku ziyitirira, era buli kwolesebwa kubula?
- 23 Kale bagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ndikomya olugero olwo, so tebalirugera nate mu Isiraeri okuba olugero; naye bagambe nti Ennaku zinaatera okutuuka, n'okutuukiriza buli kwolesebwa.
- 24 Kubanga tewalibaawo nate kwolesebwa okw'obwereere newakubadde obulaguzi obunyumiriza mu nnyumba ya Isiraeri.
- 25 Kubanga nze Mukama; ndyogera n'ekigambo kye ndyogera kirituukirizibwa; tekirir-wisibwa nate; kubanga mu nnaku zammwe, ai ennyumba enjeemu, mwe ndyogerera ekigambo, era ndikituukiriza, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 26 Nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 27 Omwana w'omuntu, laba, ab'omu nnyumba ya Isiraeri boogera nti Okwolesebwa kwalaba kwa mu nnaku nnyingi ezitannajja, era alagula eby'ebiro ebikyali ewala.
- 28 Kale bagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Tewaliba ku bigambo byange ebirirwisibwa nate, naye ekigambo kye ndyogera kirituukirizibwa, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 13

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, lagulira ki bannabbi ba Isiraeri abalagula obagambe abo abalag-ula ebiva mu mutima gwabwe bo, nti Muwulire ekigambo kya Mukama;
- 3 bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Zibasanze bannabbi abasirusiru abagoberera omwoyo gwabwe bo, so nga tebaliiko kye balabye!

- 4 Ai Isiaeri, bannabbi bo baabanga ng'ebibe mu bifo ebyalekebwawo.
- 5 Temwambukanga mu bituli ebyawagulwa, so temuddaabiririzanga nnyumba ya Isiraeri olukomera, muyimirire mu lutalo ku lunaku lwa Mukama.
- 6 Balabye ebitaliimu n'obulaguzi obw'obulimba abo aboogera nti Mukama ayogera; so nga Mukama tabatumye: era basuubizizza abantu ng'ekigambo kigenda kunywezebwa.
- 7 Temulabye kwolesebwa okutaliimu, era temwogedde bulaguzi bwa bulimba, kubanga mwogera nti Mukama ayogera: era naye soogeranga?
- 8 Mukama Katonda kyava ayogera nti Kubanga mwogedde ebitaliimu, era mulabye eby'obulimba, kale, laba, ndi mulabe wammwe, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 9 Era omukono gwange guliba nulabe wa bannabbi abalaba ebitaliimu ne balagula eby'obulimba: tebaliba mu abo abateesa ab'omu bantu bange, so tebaliwandikiibwa nu kiwandike eky'ennyumba ya Isiraeri, so tebaliyingira mu nsi ya Isiraeri; kale mulimanya nga nze Mukama Katonda.
- 10 Kubanga, weewaawo, kubanga basenzesenze abantu bange, nga boogera nti Mirembe; so nga tewali mirembe; era omuntu bw'azimba ekisenge, laba, bakisiigako ebbumba eritasekuddwa bulungi:
- 11 bagambe abo abakisiigako ebbumba eritasekuddwa bulungi nga kirigwa: walibaawo enkuba ekulukuta ennyo; nammwe, amayinja ag'omuzira amanene, muligwa; ne kibuyaga omungi alikimenya.
- 12 Laba, ekisenge bwe kiriba nga kigudde, temuligambibwa nti Okusiigako kwe mwakisiigako kuli ludda wa?
- 13 Kale bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ndikimenyera ddala ne kibuyaga mungi nga ndiko ekiruyi; era walibaawo enkuba ekulukuta ennyo nga ndiko obusungu, n'amayinja ag'omuzira amanene okukimalawo.
- 14 Bwe ntyo bwe ndyabiza ddala ekisenge kye mwasiigako ebbumba eritasekuddwa bulungi, ne nkissa wansi, omusingi gwakyo n'okweruka ne gweruka: era kirigwa, nammwe mulimalibwawo wakati mu kyo: kale mulimanya nga nze Mukama:
- 15 Bwe ntyo bwe ndituukiriza ekiruyi kyange ku kisenge ne ku abo abaakisiigako ebbumba eritasekuddwa bulungi; era ndibagamba nti Ekisenge tekikyaliwo newakubadde abo abaakisiigako;
- 16 be bannabbi ba Isiraeri abalagula ebya Yerusalemi era abakirabira okwolesebwa okw'emirembe, so nga tewali mirembe, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 17 Naawe, omwana w'omuntu, kakasa amaaso go okwolekera abawala b'abantu bo, abalagula ebiva mu mutima gwabwe bo; era balagulireko
- 18 oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Zibasanze abakazi abatungira ebigugu ku nkokola zonna, era abakolera ebiwero emitwe gy'abantu aba buli kigera okuyigga obulamu Muliigga obulamu bw'abantu bange, ne muwonya mwekka obulamu bwammwe okufa?
- 19 Era mwanvumisa mu bantu bange olw'embatu eza sayiri n'olw'ebitole eby'emigaati okutta obulamu obutagwana kufa, n'okuwonya obulamu okufa obutagwana kuba bulamu, nga mulimba abantu bange abawulira eby'obulimba.
- 20 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndi mulabe wa bigugu byammwe bye muyizza obulamu eyo okububuusa, era ndibisika okubiggya ku mikono gyammwe; era nditta obulamu, obulamu obwo bwe muyigga okububuusa.
- 21 Era n'ebiwero byammwe ndibiyuza, ne mponya abantu bange mu mukono gwammwe, so nga tebakyabeera mu mukono gwammwe okuyiggibwa; kale mulimanya nga nze Mukama.
- 22 Kubanga muwuubazizza n'ebiy'obulimba omutima gw'omutuukirivu nze gwe siwubaazanga; ne munyweza emikono gy'omubi, aleme okudda okuva mu kkubo lye ebbi

n'awona nga mulamu:

- 23 kyemuliva mulema okulaba nate ebitaliimu newakubadde okulagula obulaguzi: nange ndiwonya abantu bange mu mukono gwammwe; kale mulimanya nga nze Mukama.

Essuula 14

- 1 Awo abamu ku bakadde ba Isiraeri ne bajja gye ndi ne batuula mu maaso gange.
- 2 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 3 Omwana w'omuntu, abasajja bano batutte ebifaananyi byabwe mu mutima gwabwe, era batadde enkonge ey'obutali butuukirivu mu maaso gaabwe: nnyinza ntya abo okumbuuza n'akamu kokka?
- 4 Kale yogera nabo obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Buli muntu ow'omu nnyumba ya Isiraeri atwala ebifaananyi bye mu mutima gwe, n'ateeka enkonge ey'obutali butuukirivu bwe mu maaso ge, n'ajja eri nnabbi; nze Mukama ndimuddamu mu ebyo ng'olulufube lw'ebifaananyi bye bwe luli;
- 5 ndyoke nkwise ennyumba ya Isiraeri omutima gwabwe bo, kubanga bonna banneeyawulako olw'ebifaananyi byabwe.
- 6 Kale bagambe ennyumba ya Isiraeri nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Mudde mukyuke okuleka ebifaananyi byammwe; era mukyuse amaaso gammwe okuleka emizizo gyammwe gyonna.
- 7 Kubanga buli muntu ow'omu nayumba ya Isiraeri oba ow'okubannaggwanga ababeera mu Isiraeri eyeeyawula nange n'atwala ebifaananyi bye mu mutima gwe n'ateeka enkonge ey'obutali butuukirivu bwe mu maaso ge n'ajja eri nnabbi okunneebuuzaako; nze Mukama ndimuddamu nze mwene:
- 8 era ndikakasa amaaso gange okwolekera omuntu oyo, era ndimufuula ekyewuunyo, okuba akabonero n'olugero, era ndimuzikiriza wakati mu bantu bange; kale mulimanya nga nze Mukama.
- 9 Era oba nga nnabbi alirimibwa n'ayogera ekigambo, nze Mukama nga nnimbye nnabbi oyo, era ndimugololerako omukono gwange, ne mmuzikiriza wakati mu bantu bange Isiraeri.
- 10 Era balyetikka obutali butuukirivu bwabwe: obutali butuukirivu bwa nnabbi bulyenkanira ddala obutali butuukirivu bw'oyo amwebuuzaako;
- 11 ennyumba ya Isiraeri ereme okuwaba nate okunvaako newakubadde okweyoonona nate n'okusobya kwabwe kwonna; naye babeerenga abantu bange, nange mbeerenga Katonda waabwe, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 12 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 13 Omwana w'omuntu, ensi bwe nnyoonona ng'esobezza, nange ne ngigololerako omukono gwange ne mmenya omuggo ogw'emigaati gyamu, ne ngiweerezaako enjala, ne ngimalamu abantu era n'ensolo;
- 14 abo bonsatule, Nuuwa ne Danyeri ne Yobu, newakubadde nga baali omwo, bandiwonyezza emmeeme zaabwe bo zokka olw'obutuukirivu bwabwe, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 15 Bwe ndiyisa ensolo embi mu nsi n'okugyoonona ne zigyoonona n'okuzika n'ezika, omuntu yenna n'atayinza kuyitamu olw'ensolo ezo;
- 16 abasajja abo bonsatule newakubadde nga baali omwo, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, tebandiwonyezza batabani baabwe newakubadde bawala baabwe; bo bokka bandiwonyezebbwa, naye ensi erizika.
- 17 Oba bwe ndireeta ekitala ku nsi ne njogera nti Ekitala, yita mu nsi; n'okumalamu ne ngimalamu abantu n'ensolo;
- 18 abo bonsatule newakubadde nga bali omwo, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera

Mukama Katonda, tebaliwonya batabani baabwe newakubadde bawala baabwe, naye bo bennyini baliwonyezebwa bokka.

- 19 Oba bwe ndiweereza kawumpuli mu nsi eno, ne ngifukako ekiruyi kyange mu musaayi, okugimalamu abantu n'ensolo:
- 20 Nuuwa ne Danyeri ne Yobu newakubadde nga bali omwo, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, tebaliwonya mutabani waabwe newakubadde muwala waabwe; baliwonya emmeeme zaabwe bo zokka olw'obutuukirivu bwabwe.
- 21 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kale tebirisinga nnyo okuba bwe bityo, bwe ndiweereza emisango gyange ena emizibu ku Yerusaalemi, ekitala n'enjala n'ensolo embi ne kawumpuli, okukimalamu abantu n'ensolo?
- 22 Era naye mulisigalamu ekitundu ekifisseewo ekiriggibwamu ne kitwalibwa, abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala: laba, balifuluma balijja gye muli, nammwe muliraba ekkubo lyabwe n'ebikolwa byabwe: kale mulisanyusibwa mu bubu bwe ndeese ku Yerusaalemi, olwa byonna bye nkireseeeko.
- 23 Era balibasanyusa bwe muliraba ekkubo lyabwe n'ebikolwa byabwe: kale mulimanya nga saabalanga bwereere okukola byonna bye nnakolera mu kyo, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 15

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, omuzabbibu gusinga gutya omuti gwonna, oba ettabi ery'ogumu ku miti egy'omu kibira?
- 3 Banaggyangako emiti okukola omulimu gwonna? oba abantu banaggyangako ekikondo okuwanikako ekintu kyonna?
- 4 Laba, bagusuula mu muliro okuba enku: omuliro gugwokezza eruuyi n'eruyi ne wakati waagwo wayidde; guliko kye gugasa olw'omulimu gwonna?
- 5 Laba, bwe gwali nga gukyali mulamba, tegwasaanira mulimu gwonna: kale omuliro nga gugwokezza era nga guyidde gukyasaanira gutya omulimu gwonna?
- 6 Kale Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Ng'omuzabbibu mu miti egy'omu kibira, gwe mpaddeyo eri omuliro okuba enku, bwe ntyo bwe ndiwaayo abo abali mu Yerusaalemi.
- 7 Era ndikakasa amaaso gange okuboolekera; balifuluma mu muliro, naye omuliro gulibookya; kale mulimanya nga nze Mukama, bwe ndikakasa amaaso gange okuboolekera.
- 8 Era ndizisa ensi kubanga basobeza, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 16

- 1 Nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, manyisa Yerusaalemi emizizo gyakyo,
- 3 oyogere nti Bw'ati Mukama Katonda bw'agamba Yerusaalemi nti Okuzaalibwa kwo n'ekika kyo bya mu nsi ey'omu Kanani; Omwamoli ye yali Kitaawo, ne nnyoko yali Mukiiti.
- 4 Era eby'okuzaalibwa kwo ku lunaku kwe wazaalirwa tewasalibwa kalira, so tewanaazibwa na mazzi okukutukuza; tewateekebwamu munnyo n'akatono, so tewabikkibwako n'akatono.
- 5 Tewali liiso eryakusaasira okukukola ku ebyo byonna, okukukwatirwa ekisa; naye n'osuulibwa mu ttale ebweru, kubanga wakyayibwa ggwe ku lunaku kwe wazaalirwa.
- 6 Awo bwe nnakuyitako ne nkulabanga weekulukuunya mu musaayi gwo, ne nkugamba

nti Newakubadde ng'oli mu musaayi gwo, ba mulamu: weewaawo, ne nkugamba nti Newakubadde ng'oli mu musaayi gwo, ba mulamu.

- 7 Ne nkwaaza ng'ekimuli eky'omu nnimiro, ne weeyongerera n'ofuuka mukulu, n'otuuka ku buyonjo obulungi ennyo; amabeere go ne gamera, enviiri zo ne zikula; era naye ng'oli bwereere nga tobikkiddwako.
- 8 Awo bwe nnakuyitako ne nkutunuulira, laba, ekiseera kyo nga kye kiseera eky'okwagalirwamu; ne nkwalirako ekirenge kyange ne mbikka ku bwereere bwo: weewaawo, ne nkulayirira, ne ndagaana naawe endagaano, bw'ayogera Mukama Katonda, n'ofuuka wange.
- 9 Awo ne nkunaaza n'amazzi; weewaawo, ne nkunaalizaako ddala omusaayi gwo, ne nkusiigako amafuta.
- 10 N'okwambaza ne nkwambaza omulimu ogw'eddalizi, ne nkunaanika engato ez'amaliba g'eonge ne nkusiba olwebagyo olwa bafuta ennungi, ne nkubikkako aliiri.
- 11 Era ne nkunaanika eby'obuyonjo, ne nteeka ebikomo ku mikono gyo n'omukuufu mu bulago bwo.
- 12 Ne nteeka empeta ku nnyindo yo, n'eby'omu matu mu matu go n'engule ennungi ku mutwe gwo.
- 13 Bwe wayonjebwa bw'otyo n'ezaabu n'effeeza; n'ebymbalo byo byali bya bafuta nnungi ne aliiri n'omulimu ogw'eddalizi; walyanga obutta obulungi n'omubisi gw'enjuki n'amafuta: n'oba mulungi nnyo nnyini, n'olaba omukisa okutuusa mu bukulu obw'obwakabaka.
- 14 Ettutumu lyo ne lyatiikirira mu mawanga olw'obulungi bwo; kubanga bwali butuukiridde olw'obukulu bwange bwe nnali nkutaddeko bw'ayogera Mukama Katonda.
- 15 Naye ggwe ne weesiga obulungi bwo, ne weefuula omwenzi olw'ettutumu lyo, n'ofuka obukaba bwo ku buli muntu eyayitangawo; bwabanga bubwe.
- 16 Era watoola ku byambalo byo, ne weekolera ebifo ebigulumivu ebyayonjebwa n'amabala agatali gamu, n'oyendera ku byo: ebifaanana bwe bityo tebirijja so tebiriba bwe bityo.
- 17 N'okuddira n'oddira eby'obuyonjo bwo ebirungi ebya zaabu yange n'ebya ffeeza yange bye nnali nkuwadde, ne weekolera ebifaananyi by'abantu, n'oyenda ku byo:
- 18 n'oddira ebyambalo byo eby'eddalizi, n'obibikkako n'oteeka amafuta gange n'obubaane bwange mu maaso gaabyo.
- 19 Era n'emmere yange gye nnakuwa, obutta obulungi n'amafuta n'omubisi gw'enjuki, bye nnakuliisanga, n'okuteeka n'obiteeka mu maaso gaabyo okuba evvumbe eddungi, ne biba bwe bityo, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 20 Era nate waddirira abaana bo ab'obulenzi n'ab'obuwala, be wanzaalira, abo n'obawaayo okuba ssaddaaka eri byo okuliibwa. Obwenzi bwo kyali kigambo kitono,
- 21 n'okutta n'otta abaana bange, n'obawaayo ng'obayisa mu muliro eri byo?
- 22 Era mu mizizo gyo gyonna ne mu bwenzi bwo tojjukiranga nnaku za buto bwo, bwe wali obwereere nga tobikkiddwako, era nga weekulukuunya mu musaayi gwo.
- 23 Awo olutuuse obubi bwo bwonna nga bumaze okubaawo, (zikusanze, zikusanze! bw'ayogera Mukama Katonda,)
- 24 weezimbidde ekifo ekikulumbala ne weekolera ekifo ekigulumivu mu buli luguudo.
- 25 Ozimbye ekifo kyo ekigulumivu buli luguudo we lusibuka, era ofudde obulungi bwo okuba eky'omuzizo, era obikkulidde ku bigere buli muyise n'oyongerera ku bwenzi bwo.
- 26 Era oyenze ku Bamisiri, baliraanwa bo, ab'omubiri omunene; n'oyongerera ku bwenzi bwo okunsunguwaza.
- 27 Kale, laba, nkugololeddeko omukono gwange, era nkendeezezza emmere yo eya

bulijjo, ne nkuwaayo eri okwagala kw'abo abakukyawa, abawala b'Abafirisuuti abakwatiddwa ensonyi ekkubo lyo ery'obukaba.

- 28 Era n'oyenda ku Basuuli, kubanga tewayinza kukkuta; weewaawo, oyenze ku bo, era naye tewanyiwa.
- 29 Era nate wayongera ku bwenzi bwo mu nsi ya Kanani okutuusa e Bukaludaaya; era naye n'obwo tebwakunyiya.
- 30 Omutima gwo nga munafu! bw'ayogera Mukama Katonda, kubanga okola bino byonna, omulimu ogw'omukazi ow'amawaggali omwenzi;
- 31 kubanga ozimba ebifo byo ebikulumbala buli luguudo we lusibuka, n'okola ekifo kyo ekigulumivu mu buli luguudo; so tobanga nga mukazi mwenzi kubanga onyooma empeera.
- 32 Omukazi alina bba ayenda so! akkiriza abagenyi mu kifo kya bbaawe so!
- 33 Abakazi bonna abenzi babawa ebirabo: naye ggwe owa ebirabo byo baganzi bo bonna, n'obagulirira bajje gy'oli okuva mu njuyi zonna olw'obwenzi bwo.
- 34 Era osobezza ensobya bbiri abakazi abalala mu bwenzi bwo, kubanga tewali akugoberera ggwe okwenda: era kubanga ogulirira so toweebwa mpeera kyova osobya ensobya ebbiri.
- 35 Kale, ai omwenzi, wulira ekigambo kya Mukama:
- 36 bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga empitambi yo yafukirwa ddala, n'obwereere bwo ne bubikkulwako olw'obwenzi bwo bwe wayenda ku baganzi bo; era olw'ebifaananyi byonna eby'emizizo gyo n'olw'omusaayi gw'abaana bo gwe wabawa;
- 37 kale, laba, ndikuaanya baganzi bo bonna be wasanyuka nabo, n'abo bonna be wayagala, wamu n'abo bonna be wakyawa; okukuaanya ndibakuaanya okulwana naawe enjuyi zonna, era ndibabikkulira obwereere bwo, bonna balabe obwereere bwo.
- 38 Era ndikusalira omusango ng'abakazi abatta obufumbo ne bayiwa omusaayi bwe basalirwa omusango; era ndikuleetako omusaayi ogw'ekiruyi n'obuggya.
- 39 Era ndikuwaayo mu mukono gwabwe, kale balisuula ekifo kyo ekikulumbala ne bamenyaamenya ebifo byo ebigulumivu; era balikwambula ebyambalo byo, ne banyaga eby'obuyonjo bwo ebirungi: kale balikuleka ng'oli bwereere ng'obikkud-dwako.
- 40 Era balikulinnyisaako ekibiina, ne bakukuba amayinja, ne bakufumitira ddala n'ebitala byabwe.
- 41 Era balyokya ennyumba zo omuliro ne batuukiriza emisango ku ggwe abakazi bangi nga balaba; era ndikulekesaayo obwenzi, so toliwaayo mpeera nate lwa kubiri.
- 42 Bwe ntyo bwe ndikkusa ekiruyi kyange ku ggwe, n'obuggya bwange bulikuvaako, ne ntereera ne ssibaako busungu nate.
- 43 Kubanga tojjukiranga nnaku za buto bwo, naye n'onnyiiiza mu bino byonna; kale, laba, nange ndireeta ekkubo lyo ku mutwe gwo, bw'ayogera Mukama Katonda: so tolyongera bukaba obwo ku mizizo gyo gyonna.
- 44 Laba, buli muntu agera engero anaakugereranga olugero luno ng'ayogera nti Nga nnyina ne muwala we bw'atyo.
- 45 Oli muwala wa nnyoko atamwa bba n'abaana be; era oli wa luganda ne baganda bo abatamwa ba bbaabwe: nnyammwe yali Mukiiti, ne kitammwe yali Mwamoli.
- 46 Ne mukulu wo ye Samaliya abeera ku mukono gwo ogwa kkono, ye ne bawala be: ne mwana wannyo atuula ku mukono gwo ogwa ddyo ye Sodomu ne bawala be.
- 47 Era naye totambuliranga mu makubo gaabwe, so tokolanga ng'emizizo gyabwe bwe giri; naye ekyo ng'okiyita kigambo kitono nnyo, n'osinga bo okuba omukyamu mu makubo go gonna.
- 48 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, muganda wo Sodomu

- takolanga, ye newakubadde bawala be, nga ggwe bw'okoze, ggwe ne bawala bo.
- 49** Laba, buno bwe bwali obutali butuukirivu bwa muganda wo Sodomu; amalala n'okukkutanga emmere n'okwesiima nga yeegolola byali mu ye ne mu bawala be; so teyanyweza mukono gwa mwavu n'eyeetaaga.
- 50** Era baalina ekitigi, ne bakola eby'emizizo mu maaso gange: kyennava mbaggyawo nga bwe nnasiima.
- 51** So ne Samaliya takolanga kitundu kya ku bibi byo; naye ggwe wayongera ku mizizo gyo okukira bo, n'oweesa obutuukirivu baganda bo olw'emizizo gyo gyonna gye wakola.
- 52** Era naawe beerako ensonyi zo ggwe, kubanga osaze omusango baganda bo okusinga; olw'ebibi byo bye wakola eby'emizizo okukira bo kyebavudde bakusinga obutuukirivu: weewaawo, era swala obeereko ensonyi zo kubanga oweesezza baganda bo obutuukirivu.
- 53** Era ndikomyawo obusibe bwabwe, obusibe bwa Sodomu ne bawala be, n'obusibe bwa Samaliya ne bawala be, n'obusibe bw'abasibe bo abali wakati mu bo:
- 54** olyoke obeereko ensonyi zo ggwe, era okwatibwe ensonyi olw'ebyo byonna bye wakola, kubanga obasanyusa.
- 55** Era baganda bo, Sodomu ne bawala be, balidda mu bukulu bwabwe obw'edda, ne Samaliya ne bawala be balidda mu bukulu bwabwe obw'edda, naawe ne bawala bo mulidda mu bukulu bwammwe obw'edda.
- 56** Kubanga muganda wo Sodomu akamwa ko tekamwatulanga ku lunaku olw'amalala go;
- 57** obubi bwo nga tebunnabikkulwa, nga mu biro abawala ab'e Busuuli lwe baavuma n'abo bonna abamwetoolodde, abawala aba Bafirisuuti abakugirira ekyejo enjuyi zonna.
- 58** Wabaako obukaba bwo n'emizizo gyo, bw'ayogera Mukama.
- 59** Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ndikukolera ddala nga bw'okoze, ggwe eyanyooma ekirayiro n'omenya endagaano.
- 60** Era naye nze ndijjukira endagaano gye nnalagaana naawe mu nnaku ez'obuto bwo, era ndinyweza eri ggwe endagaano eteriggwaawo.
- 61** Kale n'olyoka ojjujuka amakubo go, n'okwatibwa ensonyi, bw'oliweebwa baganda bo, baganda bo abakulu ne baganda bo abato: era ndikubawa okuba abawala, naye si lwa ndagaano yo.
- 62** Era ndinyweza endagaano yange naawe; kale olimanya nga nze Mukama:
- 63** olyoke ojjujuka n'oswala n'olema okwasama nate akamwa ko olw'ensoni zo; bwe ndimala okukusonyiwa byonna bye wakola, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 17

- 1** Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2** Omwana w'omuntu, leeta ekikokko ogerere ennyumba ya Isiraeri olugero;
- 3** oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Empungu ennene erina ebiwaawaatiro ebinene n'ebiwaawa ebiwanvu eriko ebyoya bingi, ey'amabala agatali gamu, yajja ku Lebanoni, n'etwala obusongezo bw'omuvule:
- 4** yanogako amasanso gaagwo amato agakomererayo, n'eguggyayo n'egutwala mu nsi ey'obusuubuzi; yagusimba mu kibuga eky'abasuubuzi.
- 5** Era yatwala ne ku nsigo ey'omu nsi, n'egisiga mu ttaka ggimu; yaguteeka awali amazzi amangi n'egusimba ng'omusafusafu.
- 6** Ne gumera ne guba muzabbibu ogulanda omumpimpi, amatabi gaagwo ne gagikyukira n'emmizi gyagwo gyali wansi waayo: kale ne guba muzabbibu ne gusuula amatabi, ne

gumera amasanso.

- 7 Era waaliwo n'empungu ennene endala, eyalina ebiwaawaatiro ebinene n'ebyoya bingi: kale, laba, omuzabbibu ogwo ne gugiwetera emmizi gyagwo, ne gumera amatabi gaagwo okugenda gy'eri, okuva mu bibibi mwe gwasimbibwa, egufukirire amazzi.
- 8 Gwasimbibwa mu ttaka eddungi awali amazzi amangi, gusuule amatabi era gubale ebibala, gubeerenga omuzabbibu omulungi.
- 9 Yogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Guliraba omukisa? talisimbula mmizi gyagwo, n'asalako ebibala byagwo, guwotoke; amalagala gaagwo gonna amabisi agamera gawotoke; newakubadde nga tewali buyinza bungi newakubadde abantu bangi okugusimbula n'emhazi gyagwo?
- 10 Weewaawo, laba, bwe gusimbibwa guliraba omukisa? teguliwotokera ddala, embuyaga ez'ebuvanjuba bwe zigukomako? guliwotokera mu bibibi mwe gwakulira.
- 11 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 12 Gamba nno ennyumba enjeemu nti Temumanyi bigambo bino amakulu gaabyo bwe gali? babuulire nti Laba, kabaka w'e Babulooni yajja e Yerusaalemi n'awamba kabaka waayo n'abakungu baayo n'abaleeta gy'ali e Babulooni;
- 13 era n'atwala ku zzadde lya kabaka, n'alagaana naye endagaano; era n'amulayiza ekirayiro, n'aggyayo ab'amaanyi ab'omu nsi:
- 14 obwakabaka bukkakkane, buleme okwegulumiza, naye bunywere olw'okukwata endagaano ye.
- 15 Naye n'amujeemera ng'atuma ababaka be mu Misiri, bamuwe embalaasi n'abantu bangi. Aliraba omukisa? aliwona oyo akola ebifaanana bwe bityo? alimenya endagaano, era naye n'ewona?
- 16 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, mazima mu kifo kabaka mw'abeera eyamufuula kabaka, gwe yanyoomako ekirayiro kye n'amenya endagaano ye, oyo gy'ali wakati mu Babulooni gy'alifiira.
- 17 So ne Falaawo n'eggye lye ery'amaanyi n'ekibiina ekinene talibaako ky'amugasa mu ntalo, bwe balituuma ebifunvu ne bazimba ebigo, okuzikiriza abantu bangi.
- 18 Kubanga anyoomye ekirayiro ng'amenya endagaano; era, laba, yali awadde omukono gwe, era naye akoze ebyo byonna; taliwona.
- 19 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Nga bwe ndi omulamu, mazima ekirayiro kyange ky'anyoomye n'endagaano yange gy'amenye ndibituusa n'okubituusa ku mutwe gwe ye.
- 20 Era ndimusulako ekitimba kyange, era ndimutwala e Babulooni, era ndiwoleza naye eyo olw'ekyonono kye kye yannyonono.
- 21 Era abadduse be bonna mu bibiina bye byonna baligwa n'ekitala, n'abo abalisigalawo balisaasaanyizibwa eri empewo zonna kale mulimanya nga nze Mukama njogedde.
- 22 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Era nditwala ku busongezo obwa waggulu obw'omuvule ne mbusimba; ndinogako ku masanso gaagwo amato agakomererayo essanso erimu eggonvu, era ndirisimba ku lusozi oluwanvu olugulumivu:
- 23 ku lusozi olw'entikko ya Isiraeri kwe ndirisimba kale lirisuula amatabi ne libala ebibala, ne guba omuvule omulungi era wansi waagwo wanaabeeranga ennyonyi zonna ez'ebiwaawaatiro byonna; mu kisiikirize eky'amatabi gaagwo we zinaatuu-langa.
- 24 N'emiti gyonna egy'omu ttale girimanya nga nze Mukama nkakkanyizza omuti omuwanvu, era nga ngulumizizza omuti omumpi, era nga nkazizza omuti ogwamera, era nga njezezza omuti omukalu: nze Mukama njogedde era nkikoze.

Essuula 18

- 1 Ekigambo kya Mukama kyanjjira nate nga kyogera nti
- 2 Mubadde mutya n'okugera ne mugerera olugero luno ensi ya Isiraeri nga mwogera nti Bakitaabwe balidde ezabbibu ezinyuunyuntula n'amannyo g'abaana ganyenyeera?
- 3 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, temuliba na nsonga nate okugera olugero olwo mu Isiraeri.
- 4 Laba, emmeeme zonna zange; ng'emmeeme ya kitaawe, n'emmeeme y'omwana bw'etyo yange: emmeeme ekola ekibi ye erifa.
- 5 Naye omuntu bw'aba omutuukirivu n'akola ebyalagirwa eby'ensonga,
- 6 so nga taliiridde ku nsozi, so nga tayimusizza maaso ge eri ebifaananyi eby'ennyumba ya Isiraeri, so nga tayonoonye mukazi wa munne, so nga tasemberedde mukazi mu biro eby'okweyawula kwe;
- 7 so nga talyazaamaanyizza muntu yenna, naye eyaddizanga omwewoze omusingo gwe, so nga tanyaze muntu yenna lwa maanyi, era eyawanga omuyala emmere ye n'abikkanga oyo ali obwereere n'ekyambalo;
- 8 atawolanga lwa magoba, so nga takkirizanga ebisukkirira byonna, eyaggyako omukono gwe ku butali butuukirivu, eyatuukirizanga omusango ogw'amazima eri omuntu ne munne,
- 9 eyatambuliranga mu mateeka gange, era eyakwatanga emisango gyange, okukolanga eby'amazima: oyo ye mutuukirivu talirema kuba mulamu, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 10 Bw'alizaala omwana, omunyazi, ayiwa omusaayi, era akola ku ebyo byonna,
- 11 so atakola ku ebyo byonna ebimugwanidde, naye okulya eyaliira ku nsozi, n'ayonoona mukazi wa munne,
- 12 eyalyazaamaanya omwavu n'eyeetaaga, eyanyaga olw'amaanyi, so atazza musingo, era eyayimusa amaaso ge eri ebifaananyi, eyakola eby'emizizo,
- 13 eyawolanga olw'amagoba, era eyakkiriza ebisukkirira: kale aliba mulamu ono? taliba mulamu: akoze eby'emizizo bino byonna: talirema kufa; omusaayi gwe guliba ku ye.
- 14 Laba, bw'alizaala omwana, alaba ebibi byonna ebya kitaawe bye yakola, n'atya n'atakola ebifaanana bwe bityo,
- 15 ataliiranga ku nsozi, so atayimusanga maaso ge eri ebifaananyi eby'ennyumba ya Isiraeri, atayonoonanga mukazi wa munne,
- 16 so atalyazaamaanyanga muntu yenna, atasingirwanga kintu, so atanyaganga lwa maanyi, naye eyawanga omuyala emmere ye, eyabikkanga oyo ali obwereere n'ekyambalo,
- 17 eyaggyako omukono gwe eri omwavu, atakkirizanga magoba newakubadde ebisukkirira, eyatuukirizanga emisango gyange, eyatambuliranga mu mateeka gange; oyo talifa lwa butali butuukirivu bwa kitaawe, talirema kuba mulamu.
- 18 Kitaawe, kubanga yajooga n'obukambwe, n'anyaga muganda we olw'amaanyi, n'akola ebyo ebitali birungi mu bantu be, laba, alifiira mu butali butuukirivu bwe.
- 19 Era naye mwogera nti Omwana kiki ekimulobera okubaako obutali butuukirivu bwa kitaawe? Omwana bw'aba nga akoze ebyalagirwa eby'ensonga, era ng'akutte amateeka gange gonna, era ng'agakoze, talirema kuba mulamu.
- 20 Emmeeme eyonoona ye erifa: omwana talibaako butali butuukirivu bwa kitaawe, so ne kitaawe talibaako butali butuukirivu bwa mwana we; obutuukirivu obw'omutuukirivu buliba ku ye, n'obubi obw'omubi buliba ku ye.
- 21 Naye omubi bw'akyukanga okuleka ebibi bye byonna bye yakola n'akwata amateeka gange gonna, n'akola ebyalagirwa eby'ensonga, talirema kuba mulamu, talifa.
- 22 Tewaliba ku byonoona bye bye yayonoona ebirijjukirwa ku ye: alibeera omulamu mu

butuukirivu bwe bwe yakola.

- 23 Nnina essanyu lye nsanyukira okufa kw'omubi? bw'ayogera Mukama Katonda: naye saagala bwagazi akomewo okuva mu kkubo lye abeere omulamu?
- 24 Naye omutuukirivu bw'akyukanga okuleka obutuukirivu bwe n'akola ebitali bya butuukirivu n'akola ng'emizizo gyonna bwe giri omuntu omubi gy'akola, aliba mulamu? Tewaliba ku bikolwa bye eby'obutuukirivu bye yakola ebirijjukirwa: mu kyonoono kye ky'ayonoonye ne mu kibi kye ky'akoze, mu ebyo mw'alifiira.
- 25 Era naye mwogera nti Ekkubo lya Mukama teryenkanankana. Muwulire nno, ai ennyumba ya Isiraeri: ekkubo lyange si lye lyenkanankana? amakubo gammwe si ge gatenkanankana?
- 26 Omuntu omutuukirivu bw'akyukanga okuleka obutuukirivu bwe n'akola ebitali bya butuukirivu n'afira omwo; mu butali butuukirivu bwe bw'akoze mw'alifiira.
- 27 Nate omuntu omubi bw'akyukanga okuleka obubi bwe bw'akoze n'akola ebyo ebyalagirwa eby'ensonga, aliwonya emmeeme ye okufa.
- 28 Kubanga alowooza n'akyuka okuleka ebyonoono bye byonna by'akoze, talirema kuba mulamu, talifa.
- 29 Era naye ennyumba ya Isiraeri boogera nti Ekkubo lya Mukama teryenkanankana. Ai ennyumba ya Isiraeri, amakubo gange si ge genkanankana? amakubo gammwe si ge gatenkanankana?
- 30 Kyendiva mbasalira omusango, ai ennyumba ya Isiraeri, buli muntu ng'amakubo ge bwe gali, bw'ayogera Mukama Katonda. Mukomeewo, mukyuke okuleka ebyonoono byammwe byonna; kale obutali butuukirivu buleme okubazikiriza.
- 31 Musuule wala nammwe ebyonoono byammwe byonna bye mwonoonye; mwekolere omutima omuggya n'omwoyo omuggya: kubanga kiki ekibaagaza okufa, ai ennyumba ya Isiraeri?
- 32 Kubanga sirina ssanyu lyakusanyukira lwa kufa kw'oyo afa, bw'ayogera Mukama Katonda: kale mwekyuse muleme okufa

Essuula 19

- 1 Era nate tanula okukungubagira abakungu ba Isiraeri,
- 2 oyogere nti Nnyoko kyali kiki? Mpologoma nkazi: yagalamiranga mu mpologoma, wakati mu mpologoma ento mwe yayonseza abaana baayo.
- 3 N'akuza emu ku baana baayo; n'eba mpologoma ento: n'eyiga okukwata omuyiggo, n'erya abantu.
- 4 Era n'amawanga ne gagiwulira; yakwatibwa mu bunnya bwabwe; ne bagireeta n'amalobo mu nsi y'e Misiri.
- 5 Awo enkazi bwe yalaba ng'erindiridde n'essuubi lyayo nga libuze, n'eryoka eddira omwana gwayo omulala, n'egufuula empologoma ento.
- 6 N'etambulatambula mu mpologoma, yafuuka empologoma ento: era yayiga okukwata omuyiggo, yalya abantu.
- 7 Era yamanya amayumba gaabwe, n'ezisa ebibuga byabwe; ensi n'erekebawo ne byonna ebyalimu olw'eddoboozi ery'okuwuluguma kwayo.
- 8 Awo amawanga ne bagirumba enjuyi zonna nga gayima mu masaza: ne bagisuulako ekitimba kyabwe; n'ekwatibwa mu bunnya bwabwe.
- 9 Ne bagisiba mu jjiririzo n'amalobo, ne bagitwala eri kabaka w'e Babulooni; baagitwala mu bigo, eddoboozi lyayo lireme okuwulirirwa nate ku nsozi za Isiraeri.
- 10 Nnyoko yali ng'omuzabbibu mu musaayi gwo, ogwasimbibwa awali amazzi: yali mugimu, yajjula amatabi olw'amazzi amangi.
- 11 Era yalina emiggo eminywevu okuba emiggo egy'obwakabaka egy'abo abaafuganga,

n'obukulu bwabwe bwagulumizibwa wakati mu matabi amaziwivu ne balengerwa olw'obuwanvu bwabwe nga balina olufulube lw'amatabi gaabwe.

- 12 Naye yasimbulibwa olw'ekiruyi; yasuulibwa wansi, embuyaga ez'ebuvanjuba ne zikaza ebibala bye: emiggo gye eminywevu ne giwogokako ne giwotoka; omuliro ne gugookya.
- 13 Awo kaakano asimbidwa mu ddungu, mu nsi enkalu ey'emiyonta.
- 14 Era omuliro guvudde mu miggo egy'amatabi ge, gwokezza ebibala bye, ne kutaba ku ye omuggo munywevu okuba omuggo ogw'obwakabaka ogw'okufuga. Ebyo bya kukungubaga, era biriba bya kukungubaga.

Essuula 20

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'omusanvu mu mwezi ogw'okutaano ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi, abamu ku bakadde ba Isiraeri ne baja okubuuzza Mukama ne batuula mu maaso gange.
- 2 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 3 Omwana w'omuntu, yogera n'abakadde ba Isiraeri obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Muzze okumbuuzza? Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, siibuuzibwe mmwe.
- 4 Onoobasalira, omwana w'omuntu, onoobasalira omusango? Bamanyise emizizo gya bajjajjaabwe;
- 5 obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ku lunaku lwe nneeroboza Isiraeri ne nnyimusa omukono gwange eri ezzadde ery'ennyumba ya Yakobo, ne nneemanyisa eri bo mu nsi y'e Misiri, bwe nnayimusa omukono gwange eri bo, nga njogera nti Nze Mukama Katonda wammwe;
- 6 ku lunaku olwo nayimusa omukono gwange eri bo okubaggya mu nsi y'e Misiri, okubayingiza mu nsi gye nnali mbakattedde, ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, kye kitiibwa ky'ensi zonna:
- 7 ne mbagamba nti Musuule buli muntu emizizo egy'amaaso ge, so temweyoononye-sanga n'ebifaananyi eby'e Misiri; Me Mukama Katonda wammwe.
- 8 Naye ne banjeemera ne batayagala kumpulira; tebaasuula buli muntu emizizo egy'amaaso gaabwe, so tebaaleka bifaananyi bya Misiri: kale ne njogera okubafukako ekiruyi kyange, okutuukiriza obusungu bwange ku bo wakati mu nsi y'e Misiri.
- 9 Naye nakola olw'erinnya lyange lireme okuvumisibwa mu maaso g'amawanga, mwe baali, be nneetegereza mu maaso gaabwe gye bali, nga mbaggya mu nsi y'e Misiri.
- 10 Awo ne mbatambuza okuva mu nsi y'e Misiri, ne mbaleeta mu ddungu.
- 11 Awo ne mbawa amateeka gange ne mbalaga emisango gyange, omuntu bw'akola egyo aliba mulamu mu gyo.
- 12 Era nate ne mbawa ssabbiiti zange, okuba akabonero wakati wange nabo, balyoke bamanye nga nze Mukama abatukuza.
- 13 Naye ennyumba ya Isiraeri ne banjeemera mu ddungu: tebaatambuliranga mu mateeka gange, ne bagaana emisango gyange, omuntu bw'akola egyo aliba mulamu mu gyo; ne ssabbiiti zange ne bazoonoona nnyo; kale ne njogera okubafukirako ekiruyi kyange mu ddungu okubamalawo.
- 14 Naye ne nkola olw'erinnya lyange lireme okuvumisibwa mu maaso g'amawanga be nnabaggira mu maaso gaabwe.
- 15 Era nate ne mbayimusiza omukono gwange mu ddungu nga sigenda kubaleeta mu nsi gye nnali mbawadde, ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, kye kitiibwa ky'ensi zonna;
- 16 kubanga baagaana emisango gyange ne batatambuliranga mu mateeka gange ne

boonoonanga ssabbiiti zange: kubanga omutima gwabwe gwagobereranga ebifaananyi byabwe.

- 17 Era naye eriiso lyange ne libasonyiwa okuzikirizibwa, so saabamalirawo ddala mu ddungu.
- 18 Awo ne ambira abaana baabwe mu ddungu nti Temutambuliranga mu mateeka ga bajjajjammwe so temwekuumanga misango gyabwe so temweyoononyesa n'ebifaananyi byabwe:
- 19 nze Mukama Katonda wammwe; mutambulirenga mu mateeka gange, mukwatenga emisango gyange mugikolenga:
- 20 era mutukuzenga essabbiiti zange; era zinaabanga kabonero wakati wange nammwe, mumanye nga nze Mukama Katonda wammwe.
- 21 Naye abaana ne banjeemera; tebaatambuliranga mu mateeka gange so tebaakwatanga misango gyange okugikolanga, omuntu bw'akola egyo aliba mulamu mu gyo; baayoonoonanga ssabbiiti zange; kale ne njogera okubafukirako ekiryu kyange okutuukiriza obusungu bwange eri bo mu ddungu.
- 22 Era naye ne nziza omukono gwange ne nkola olw'erinnya lyange lireme okuvumisibwa mu maaso g'amawanga be nnabaggira mu maaso gaabwe.
- 23 Era nate ne mbayimusiza omukono gwange mu ddungu nga ndibasaasaanyiza mu mawanga ne mbatataaganyiza mu nsi nnyingi;
- 24 kubanga baali tebatuukirizza misango gyange, naye nga bagaanyi amateeka gange, era nga boononye essabbiiti zange, n'amaaso gaabwe gaali nga gagoberera ebifaananyi bya bajjajjaabwe.
- 25 Era nate ne mbawa amateeka agatali malungi, n'emisango gye batagenda kubeereramu balamu;
- 26 ne mbagwagwawaza olw'ebirabo byabwe bo, kubanga baayisanga mu muliro bonna abaggulanda, ndyoke mbamaleko byonna, era bamanye nga nze Mukama.
- 27 Kale, omwana w'omuntu, yogera n'ennyumba ya Isiraeri obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Era ne mu kino bajjajjammwe mwe banvumidde, kubanga bansobyako ekyonoono.
- 28 Kubanga bwe nnali mbayingizizza mu nsi gye nnayimusiza omukono gwange okubawa, kale ne balaba buli lusozi oluwanvu na buli muti omuziyivu, ne baweeranga eyo ssaddaaka zaabwe, era eyo gye baaleeteranga ekiweebwayo kyabwe ekinnyiiza, era eyo gye baanyookerezanga akaloosa kaabwe, ne bafukanga ebiweebwayo byabwe eby'okunywa.
- 29 Awo ne mbagamba nti Ekifo ekigulumivu gye mugenda amakulu gaakyo ki? Awo erinnya lyakyo ne kituumibwa Bama ne leero.
- 30 Kale gamba ennyumba ya Isiraeri nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Mweyoononyesa ng'engeri bwe yali eya bajjajjammwe? era mwenda okugoberera emizizo gyabwe?
- 31 era bwe muwaayo ebirabo byammwe, bwe muyisa batabani bammwe mu muliro, mweyoononyesa n'ebifaananyi byammwe byonna ne leero? kale naabuuzibwa mmwe, ai ennyumba ya Isiraeri? Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, siibuuzibwe mmwe:
- 32 n'ekyo ekiyingira mu mwoyo gwammwe tekiribaawo n'akatono; kubanga mwogera nti Tunaaba ng'amawanga, ng'ebika eby'omu nsi, okuweereza emiti n'amayinja.
- 33 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, mazima ndiba kabaka wammwe n'engalo ez'amaanyi n'omukono ogwagololwa n'ekiryu ekifukiddwa:
- 34 era ndibaggya mu mawanga ne mbakuaanya okubaggya mu nsi mwe mwasaasaanyizibwa, n'engalo ez'amaanyi n'omukono ogugoloddwa n'ekiryu ekifukiddwa:
- 35 era ndibaleeta mu ddungu ery'amawanga, era ndiwoleza eyo nammwe nga

tutunulagana amaaso n'amaaso.

- 36 Nga bwe nawoleza ne bajjajammwe mu ddungu ery'ensi y'e Misiri, bwe ntyo bwe ndiwoza nammwe, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 37 Era ndibayisa wansi w'omuggo, era ndibayingiza mu busibe bw'endagaano;
- 38 era ndibamaliramu ddala abajeemu, n'abo abansobya; ndibaggya mu nsi mwe batuula, naye tebaliyingira mu nsi ya Isiraeri: kale mulimanya nga nze Mukama.
- 39 Nammwe, ai ennyumba ya Isiraeri, bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Mugende muweereze buli muntu ebifaananyi bye, era n'oluvannyuma, bwe mutalikkiriza kumpulira: naye erinnya lyange ettukuvu temuliryonoona nate n'ebirabo byammwe n'ebifaananyi byammwe.
- 40 Kubanga ku lusozi lwange olutukuvu, ku lusozi olw'entikko ya Isiraeri, bw'ayogera Mukama Katonda, okwo ennyumba yonna eya Isiraeri, bo bonna, kwe balimpeerereza mu nsi; eyo gye ndibakkiriza, era eyo gye ndibasalirira ebiweebwayo byammwe n'ebibala ebibereberye eby'ebitone byammwe wamu n'ebintu byammwe byonna ebitukuvu.
- 41 Ndibakkiriza ng'akaloosa, bwe ndibaggya mu mawanga ne mbakuaanya okubaggya mu nsi mwe mwasaasaanyizibwa; kale nditukuzibwa mu mmwe mu maaso g'amawanga.
- 42 Awo mulimanya nga nze Mukama, bwe ndibayingiza mu nsi ya Isiraeri, mu nsi gye nnayimusiza omukono gwange okugiwa bajjajammwe.
- 43 Awo mulijjuukirira eyo amakubo gammwe n'ebikolwa byammwe byonna bye mwegwagwawaza nabyo; era mulyetamwa mu maaso gammwe mmwe olw'ebibi byammwe byonna bye mwakola.
- 44 Kale mulimanya nga nze Mukama, bwe ndimala okukola gye muli olw'erinnya lyange, si ng'amakubo gammwe amabi bwe gali, so si ng'ebikolwa byammwe ebikyamu bwe biri, ai mmwe ennyumba ya Isiraeri, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 45 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 46 Omwana w'omuntu, simba amaaso go obukiika obwa ddyo, otonnyese ekigambo kyo okwolekera obukiika obwa ddyo, olagulire ku kibira eky'ennimiro ey'obukiika obwa ddyo;
- 47 ogambe ekibira eky'obukiika obwa ddyo nti Wulira ekigambo kya Mukama; bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndikuma omuliro mu ggwe ne gwokya buli muti ogwera oguli mu ggwe na buli muti mukalu: ennimi ez'omuliro ezaaka tezirikizibwa, n'amaaso gonna okuva obukiika obwa ddyo okutuuka obukiika obwa kkono galiggya nagwo.
- 48 Kale bonna abalina omubiri baliraba nga nze Mukama ngukumye: tegulizikizibwa.
- 49 Awo ne njogera nti Woowe, Mukama Katonda! banjogerako nti Si mugezi wa ngero?

Essuula 21

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, simba amaaso go okwolekera e Yerusaalemi, otonnyese ekigambo kyo okwolekera ebifo ebitukuvu, olagulire ku nsi ya Isiraeri;
- 3 ogambe ensi ya Isiraeri nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Laba, ndi mulabe wo, era ndisowola ekitala kyange ne nkiggya mu kiraato kyakyo, ne nkumaliramu ddala omutuukirivu n'omubi.
- 4 Kale kubanga ndikumaliramu ddala omutuukirivu n'omubi, ekitala kyange kyekiriva kifulumu mu kiraato kyakyo okutabaala bonna abalina omubiri, okuva obukiika obwa ddyo okutuuka obukiika obwa kkono:
- 5 kale bonna abalina omubiri balimanya nga nze Mukama nsowodde ekitala kyange ne

nkiggya mu kiraato kyakyo; tekiridda nate lwa kubiri.

- 6 Kale ssa ebikkowe, ggwe omwana w'omuntu; amabega go nga gakusonjose era ng'oliko obuyinike bw'olissa ebikkowe bw'otybo bo nga balaba.
- 7 Kale olunaatuuka bwe banaakugamba nti Lwaki ggwe okussa ebikkowe? n'oyogera nti Olw'ebigambo ebiwuliddwa, kubanga bijja: na buli mutima gulisaanuuka, n'emikono gyonna giriyogobera, na buli mwoyo gulizirika, n'amaviivi gonna galiba manafu ng'amazzi: laba, bijja, era birikolebwa, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 8 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 9 Omwana w'omuntu, lagula oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Yogera nti Ekitala, ekitala kiwagaddwa era kiziguddwa:
- 10 kiwagaddwa kitte ekiwendo; kiziguddwa kibe ng'enjota: kale tunaasanyuka? omuggo ogw'omwana we gunyooma buli muti.
- 11 Era kiweereddwayo okuzigulwa, kiryoke kikwatibwe: ekitala kiwagaddwa, weewaawo, kiziguddwa, okukiwaayo mu mukono gw'omussi.
- 12 Kaaba era wowoggana, omwana w'omuntu: kubanga kiri ku bantu bange, kiri ku bakungu bonna aba Isiraeri: baweerddwayo eri ekitala wamu n'abantu bange: kale kuba ku kisambi kyo.
- 13 Kubanga waliwo okusala omusango; era kiriba kitya omuggo nagwo ogugaya bwe guliba nga tegukyaliwo? bw'ayogera Mukama Katonda.
- 14 Kale ggwe, omwana w'omuntu, lagula okube mu ngalo; ekitala kyongerwe omulundi ogw'okusatu, ekitala eky'abafumitiddwa okufa: kye kitala ky'omukulu, afumitiddwa okufa, ekiyingira mu bisenge byabwe.
- 15 Ntadde omumwa gw'ekitala ku miryango gyabwe gyonna, omutima gwabwe gusaanuuke n'okwesittala kwabwe kwongerwe nnyo: ee! kifuuse ng'enjota, kisongod-dwa olw'okutta.
- 16 Weekuaanye, tambulira ku gwa ddyo; tala, tambulira ku gwa kkono; yonna yonna amaaso go gye goolekera.
- 17 Era ndikuba mu ngalo, ne nzikusa ekiryuyi kyange: nze Mukama nkyogedde.
- 18 Ekigambo kya Mukama ne kinjijira nate nga kyogera nti
- 19 Era, omwana w'omuntu, weeteekerewo amakubo abiri ekitala kya kabaka w'e Babulooni mwe kinaafuluma; ago gombi galiva mu nsi emu: olambe ekifo, okirambire ekkubo eridda mu kibuga we lisibuka.
- 20 Oteekewo ekkubo ekitala mwe kinaafuluma okutuuka e Labba eky'abaana ba Amoni n'okutuuka eri Yuda mu Yerusaalemi ekiriko enkomera.
- 21 Kubanga kabaka w'e Babulooni yayimirira mu masaanzira, amakubo gombi we gasibuka; okulagulwa: yazunzazunza obusaale, ne yeebuuza ku baterafi, n'akebera ekibumba.
- 22 Mu mukono gwe ogwa ddyo nga mulimu obulaguzi obw'e Yerusaalemi, okusimba ebitomera, okwasamira akamwa okutta, okuyimusa eddoozi n'okwogerera waggulu, okusimba ebitomera ku miryango, okutuuma ebifunvu, okuzimba ebigo.
- 23 Era buliba gye bali ng'obulaguzi obutaliimu mu maaso gaabwe ababalayiridde ebi-rayiro: naye ajjukiza obutali butuukirivu, balyoke bakwatibwe.
- 24 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Kubanga mujjukizizza obutali butuukirivu bwammwe, kubanga okusobya kwammwe kubikkuddwako, ebibi byammwe n'okulabika ne birabika mu bikolwa byammwe byonna; kubanga mujjukiddwa, mulikwatibwa n'omukono.
- 25 Naawe, ai ggwe omubi afumitiddwa okufa, omukulu wa Isiraeri, ajjiriddwa olunaku lwo, mu biro eby'obutali butuukirivu obw'enkomerero;
- 26 bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ggyawo enkufiira otikkuleko engule: ekyo tekiriba nate bwe kityo: gulumiza ebikkakkanye, okkakkanye ebikulumizibwa.

- 27 Ndikivuunika, ndikivuunika, ndikivuunika: so n'ekyo tekiriba nate, okutuusa nnyini kyo lw'alijja, era ndikimuwa.
- 28 Naawe, omwana w'omuntu, lagula oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda eby'abaana ba Amoni n'eby'okuvuma kwabwe; oyogere nti Ekitala, ekitala kisowod-dwa, kiziguliddwa ekiwendo, okukiriisa, kibeere ng'enjota:
- 29 nga bwe baakulabira ebyayanga, nga bwe baakulagula eby'obulimba, okukuteeka ku nsingo z'ababi abafumitiddwa okufa abajjiddwa olunaku lwabwe, mu biro eby'obutali butuukirivu obw'enkomerero.
- 30 Kizze mu kiraato kyakyo. Mu kifo mwe watonderwa, mu nsi mwe wazaalirwa, mwe ndikusalirira omusango.
- 31 Era ndikufukirako ddala okunyiiga kwange; ndikufuuwako omuliro ogw'obusungu bwange: era ndikuwaayo mu mukono gw'abantu abali ng'ensolo ab'amagezi okuziki-riza.
- 32 Oliba nku za muliro; omusaayi gwo guliba wakati mu nsi; tolijjukirwa nate: kubanga nze Mukama nkyogedde.

Essuula 22

- 1 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 2 Naawe, omwana w'omuntu, onoosala omusango, onoosala omusango ogw'ekibuga eky'omusaayi? kale kimanyise emizizo gyakyo gyonna.
- 3 Era yogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ekibuga ekiyiwa omusaayi wakati mu kyo so, ekiseera kyakyo kituuke, ekikola ebifaananyi okweyoonona okweg-wagwawaza!
- 4 Ozzizza omusango ogw'omusaayi gwo gw'oyiye, era ogwagwawazibwa n'ebifaananyi byo bye wakola; era osembezezza ennaku zo, era otuuse ne mu myaka gyo: kyenvudde nkufuula ekivume eri amawanga, n'eky'okukudaalira eri ensi zonna.
- 5 Abo abakuli okumpi, n'abo abakuli ewala balikukudaalira, ggwe alina erinnya ery'obugwagwa era ajjudde okusasamala.
- 6 Laba, abakungu ba Isiraeri, buli muntu ng'obuyinza bwe bwe buli, baabanga mu ggwe okuyiwa omusaayi.
- 7 Mu ggwe mwe baanyoomeranga kitaabwe ne nnyaabwe; wakati mu ggwe mwe baakoleranga omugenyi eby'okujooga: mu ggwe mwe baalyazaamaanyanga atalina kitaawe ne nnamwandu.
- 8 Wanyoomanga ebintu byange ebitukuvu, n'oyoononanga ssabbiiti zange.
- 9 Abasajja abawaayiriza baabanga mu ggwe okuyiwa omusaayi: ne mu ggwe mwe baaliiranga ku nsozi: wakati mu ggwe mwe baakoleranga eby'obukaba.
- 10 Mu ggwe mwe babikkulidde ku bwereere bwa kitaabwe: mu ggwe mwe bakwatira n'amaanyi omukazi eyali nga si mulongoofu olw'okweyawula kwe.
- 11 Era waliwo akoze eky'omuzizo ne mukazi wa munne; era waliwo n'omulala ayoononye n'obukaba muka mwana we; era waliwo n'omulala mu ggwe eyakwata mwannyina muwala wa kitaawe.
- 12 Mu ggwe mwe baliiridde enguzi okuyiwa omusaayi; wasolooza amagoba ne bisukkirira, era baliraanwa bo wabaviisaamu amagoba ng'okwatiddwa omululu ng'ojooga, era onneerabidde nze, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 13 Laba nno, amagoba go agatali ga mazima ge wagoba kyennava ngakubira mu ngalo n'omusaayi gwo ogwabanga wakati mu ggwe.
- 14 Omutima gwo guliinza okugumiikiriza, oba emikono gyo giriinza okuba n'amaanyi, mu nnaku mwe nditeeseza ebibyo? nze Mukama nkyogedde n'okukola ndikikola.
- 15 Era ndikusaasaanyiza mu mawanga, ne nkutaataaganyiza mu nsi nnyingi; era

ndikumalamu empitambi yo.

- 16 Awo oligwagwawazibwa ku bubwo wekka mu maaso g'amawanga; kale olimanya nga nze Mukama.
- 17 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 18 Omwana w'omuntu, ennyumba ya Isiraeri efuuse amasengere gye ndi: ne bonna bikomo na masasi na byuma na bbaati wakati mu kikoomi; masengere ga ffeeza.
- 19 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Kubanga mwenna mufuuse masengere, laba, kyendiva mbakunaanya mu Yerusaalemi wakati.
- 20 Nga bwe bakuaanya effeeza n'ebikomo n'ebyuma n'amabaati n'amasasi mu kyoto wakati okubifukutako omuliro okubisaanuusa; bwe ntyo bwe ndibakuaanya mmwe nga ndiko obusungu n'ekiruyi, era ndibateekawo ne mbasaanuusa.
- 21 Weewaawo, ndibakuaanya ne mbafukutako omuliro ogw'obusungu bwange, nammwe mulisaanuuka wakati mu kyo.
- 22 Ng'effeeza bw'esaanuukira wakati mu kyoto, nammwe bwe mulisaanuukira bwe mutyo wakati nu kyo; kale mulimanya nga nze Mukama mbafuseeko ekiruyi kyange.
- 23 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 24 omwana w'omuntu, kigambe nti ggwe oli nsi eterongoosebwa, so tetonnyebwako nkuba ku lunaku olw'okunyiigirako.
- 25 Waliwo okwekobaana kwa bannabbi baakyo wakati mu kyo ng'empologoma ewuluguma etaagulataagula omuyiggo: alidde emmeeme z'abantu; banyaga eby'obugagga n'ebby'omuwendo omungi; bafudde bannamwandu baakyo okuba abangi wakati mu kyo.
- 26 Bakabona baakyo bagiridde ekyejo amateeka gange, era bagwagwawazizza ebintu byange ebitukuvu: tebaawuddeemu bitukuvu n'ebitali bitukuvu, so tebayigiriza bantu okwawulamu ebitali birongoofu n'ebirongoofu, era bakwese amaaso gaabwe essabbiiti zange, nange nvumisibwa mu bo.
- 27 Abakungu baakyo wakati mu kyo bali ng'emisege egitaagulataagula omuyiggo; okuyiwa omusaayi n'okuzikiriza emmeeme balyoke bafune amagoba agatali ga mazima.
- 28 Era bannabbi baakyo babasiigiddeko ebbumba eritasekuddwa bulungi, nga balaba ebyayanga era nga babalagula eby'obulimba, nga boogera nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda, Mukama nga so tayogedde.
- 29 Abantu ab'omu nsi bajooze, ne bagoberera okunyaga; weewaawo, beeraliikirizza omwavu n'eyeetaaga, era bajooze nunnaggwanga nga bamulanga bwereere.
- 30 Ne nnoonya omusajja mu bo eyandidda abirizza olukomera n'ayimirira mu kituli ekiwaguddwa mu maaso gange ku lw'ensi, nneme okugizikiriza: naye ne ssiraba n'omu.
- 31 Kyenvudde mbafukako okunyiiga kwange; mbamazeewo n'omuliro ogw'obusungu bwange: ndese ku mutwe gwabwe ekkubo lyabwe bo, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 23

- 1 Ekigambo kya Mukama ne kinjijira nate nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, waaliwo abakazi babiri, nnyaabwe omu:
- 3 ne bayenda mu Misiri; baayenda mu buto bwabwe: eyo amabeere gaabwe gye gaanyi-girizibwa, era eyo gye baabetentera ennywanto ez'obutannaba kumanya musajja.
- 4 N'amannya gaabwe Okola, omukulu, ne Okoliba, muganda we: ne baba bange ne bazaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala. N'amannya gaabwe, Samaliya ye Okola, ne Yerusaalemi ye Okoliba.
- 5 Okola n'ayenda bwe yali owange; n'asuusuuta baganzi be, Abaasuli baliraanwa be,

- 6 abaayambalanga kaniki, abakulu n'abaamasaza, bonna balenzi abeegombebwa, abasajja ab'embalaasi abeebagadde embalaasi.
- 7 N'abagabira obwenzi bwe, bonna basajja ab'e Bwasuli abalonde: era buli gwe yasuusuuta, ne yeyonoonyesa n'ebifaananyi byabwe byonna.
- 8 So talekangayo bwenzi bwe okuva mu nnaku ez'e Misiri; kubanga mu buto bwe baasula naye, ne babetenta ennywanto ez'obutannaba kumanya musajja: ne bamufukako obwenzi bwabwe.
- 9 Kyennava mmuwaayo mu mukono gwa baganzi be, mu mukono gw'Abaasuli be yasuusuuta,
- 10 Abo baabikkula ku bwereere bwe: ne batwala abaana be ab'obulenzi n'ab'obuwala; naye ne bamutta n'ekitala: n'afuuka ekigambo eky'obuwemu mu bakazi; kubanga baamukomekkerezaako emisango.
- 11 Ne muganda we Okoliba n'alaba ekyo, naye n'amusinga okukyama mu kusuusuuta kwe ne mu bwenzi bwe obwabanga obungi okusinga obwenzi bwa muganda we.
- 12 Yasuusuuta Abaasuli, abaamasaza n'abakulu, baliraanwa be, abaayambalanga engoye ezinekaaneka ennyo, ab'embalaasi abeebagadde embalaasi, bonna balenzi abeegombebwa.
- 13 Ne ndaba ng'agwagwawazibwa; bombi baakwata ekkubo limu.
- 14 Ye n'ayongerera ku bwenzi bwe; kubanga yalaba abasajja abatonebwa ku kisenge, ebifaananyi eby'Abakaludaaya ebyatonebwa n'eggerenge;
- 15 nga beesibye enkoba mu biwato, nga bagaziyizizza ebirembe ng'ekifaananyi bwe kiri eky'Ababulooni mu Bukaludaaya, ensi mwe baazaalirwa.
- 16 Awo mangu ago nga kyajje abalabe n'abasuusuuta n'abatumira ababaka mu Bukaludaaya.
- 17 Abababulooni ne bajja gy'ali mu kitanda eky'okwagala, ne bamwonoona n'obwenzi bwabwe, ye n'agwagwawazibwa nabo, omwoyo gwe ne gubatamwa.
- 18 Kale bw'atyo n'abikkula ku bwenzi bwe n'abikkula ku bwereere bwe: kale omwoyo gwange ne gumutamwa, ng'omwoyo gwange bwe gwatamwa muganda we.
- 19 Era naye n'ayongerera ku bwenzi bwe, ng'ajjukira ennaku ez'obuto bwe, mwe yayendera mu nsi ey'e Misiri.
- 20 Awo n'asuusuuta baganzi baabwe, omubiri gwabwe ng'ennyama y'endogoyi, n'ebibavaamu biri ng'ebiva mu mbalaasi.
- 21 Bw'otyo n'ojjukira obukaba obw'omu buto bwo, ennywanto zo bwe zaabetentebwa Abamisiri olw'amabeere ag'omu buwala bwe.
- 22 Kale, ggwe Okoliba, bw'ati bw'ayongerera Mukama Katonda nti Laba, ndigolokosa ku ggwe baganzi bo omwoyo gwo be gutamidwa, ne mbaleeta okukulumba enjuyi zonna:
- 23 Abababulooni n'Abakaludaaya bonna, Pekodi ne Sowa ne Kowa, n'Abaasuli bonna wamu nabo: abalenzi abeegombebwa, bonna baamasaza n'abakulu, abalangira n'abasajja abaatiikirira, bonna nga beebagadde embalaasi.
- 24 Era balikutabaala nga bakutte eby'okulwanyisa, amagaali ne bannamuziga, era nga balina ekibiina eky'amawanga; balyesimba okulwana naawe, nga balina obugabo n'engabo n'enkuffira enjuyi zonna: era ndibatikkira okusala emisango, ne bakusalira omusango ng'emisango gyabwe bwe giri.
- 25 Era ndikusimbako obuggya bwange, nabo balikubonereza n'ekiruyi; balikuggyako ennyindo yo n'amatu go; n'ekitundu kyo ekirifikkawo kirigwa n'ekitala: balitwala abaana bo ab'obulenzi n'ab'obuwala; n'ekitundu kyo ekirifikkawo kiryokebwa omuliro.
- 26 Era balikwambuza ebyambalo byo; ne bakuggyako eby'obuyonjo byo ebirungi.
- 27 Bwe ntyo bwe ndimazaawo gy'oli obukaba bwo n'obwenzi bwo obwava mu nsi y'e

Misiri: n'okuyimusa n'otobayimusiza nate amaaso go newakubadde okujjukira Misiri nate.

- 28 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndikuwaayo mu mukono gw'abo b'okyawa, mu mukono gw'abo omwoyo gwo be gutamiddwa:
- 29 nabo balikukola olw'obukyawe, balikuggyako omulimu gwo gwonna, ne bakuleka ng'oli bwereere nga tobikkiddwako: obwereere obw'obwenzi bwo ne bubikkulibwa, obukaba bwo era n'obwenzi bwo.
- 30 Ebyo birikukolebwa, kubanga wayenda okugoberera ab'amawanga era kubanga ogwagwawazibbwa n'ebifaananyi byabwe.
- 31 Watambulira mu kkubo lya muganda wo; kyendiva mpa ekikompe kyo mu mukono gwo.
- 32 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Olinywa ku kikompe kya muganda wo, ekiwanvu era ekinene: olisekererwa ddala n'oduulirwa: kiritu bingi.
- 33 Olijjula obutamiivu n'obuyinike, ekikompe eky'okusamaalirira n'okulekebawo, ekikompe kya muganda wo Samaliya.
- 34 Olikinywa n'okutankira, n'omeketa engyo zaakyo, n'oyuza amabeere go: kubanga nze nkyogedde, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 35 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Kubanga onneerabidde, n'onsuula ennyuma w'amabega go, kale naawe beerako obukaba bwo n'obwenzi bwo.
- 36 Era Mukama n'aamba nti Omwana w'omuntu, onoosala omusango gwa Okola ne Okoliba? kale babuulire emizizo gyabwe.
- 37 Kubanga baayenda, n'omusaayi guli mu mikono gyabwe, era baayenda ku bifaananyi byabwe; era ne batabani baabwe be banzaalira baabayisiza mu muliro eri byo okuli-ibwa.
- 38 Era nate bankoze kino: boonoonye ekifo kyange ekitukuvu ku lunaku olumu, era boonoonye essabiiti zange.
- 39 Kubanga bwe baamala okuttira abaana baabwe ebifaananyi byabwe, kale ne bajja ku lunaku olwo mu kifo kyange ekitukuvu okukyonoona; era, laba, bwe batyo bwe bakoze wakati mu nnyumba yange.
- 40 Era nate mwatumya abantu abava ewala: abaatumirwa omubaka, kale, laba, ne bajja; n'onaabira abo n'oziga amaaso go ne weeyonja n'eby'obuyonjo;
- 41 n'otuula ku kitanda eky'ekitiibwa, emmeeza ng'etegekeddwa mu maaso gaakyo, kwe wateeka obubaane bwange n'amafuta gange.
- 42 N'eddoboozi ery'ekibiina ekyegolola lyali naye: abatamiivu ne baleetebwa okuva mu ddungu wamu n'abasajja abakopi; ne bateeka ebikomo ku mikono gy'abo bombi, n'engule ennungi ku mitwe gyabwe.
- 43 Awo ne njogera ku oyo eyali akaddiye mu bwenzi nti Kaakano banaayenda ku ye, naye nabo.
- 44 Ne bayingira gy'ali, nga bwe bayingira eri omukazi omwenzi: bwe batyo bwe baayingira eri Okola n'eri Okoliba, abakazi abakaba.
- 45 N'abatuuikirivu, abo be balibasalira omusango ng'abakazi abenzi bwe basalirwa omusango era ng'abakazi abayiwa omusaayi bwe basalirwa omusango; kubanga benzi, n'omusaayi guli mu mikono gyabwe.
- 46 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ndibalinnyisiza ekibiina ne mbawaayo okuyuugumizibwa eruuyi n'eruuyi n'okunyagibwa.
- 47 Kale ekibiina kiribakuba amayinja, ne babafumita n'ebitala byabwe; balitta abaana baabwe ab'obulenzi n'ab'obuwala ne bookya ennyumba zaabwe omuliro.
- 48 Bwe ntyo bwe ndikomya obukaba mu nsi, abakazi bonna bayigirizibwe obutakola ng'obukaba bwammwe bwe buli.
- 49 Era balibasasula obukaba bwammwe, nammwe mulibaako ebibi eby'ebifaananyi

byammwe: kale mulimanya nga nze Mukama Katonda.

Essuula 24

- 1 Nate mu mwaka ogw'omwenda mu mwezi ogw'ekkumi ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, weewandiikire erinnya ery'olunaku, ery'olunaku olwa leero: kabaka w'e Babulooni yasemberera Yerusaalemi ku lunaku luno.
- 3 Era ogerere ennyumba enjeemu olugero obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Teekako sseffuliya, giteekeko, era ogifukemu amazzi:
- 4 okuaanye ebifi byamu obiteekemu, buli kifi ekirungi, ekisambi n'omukono; gijjuze amagumba agasinga obulungi.
- 5 Ddira ku mbuzi esinga obulungi, otuume amagumba wansi waayo: gyeseze bulungi; weewaawo, amagumba gaayo gafumbibwe wakati mu yo.
- 6 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Zisanze ekibuga eky'omusaayi, essufuliya omuli obutalagge bwayo, so n'obutalagge bwayo tebugivuddeemu! gigyemu kitundu kitundu; tegwiriddwako kalulu.
- 7 Kubanga omusaayi gwakyo guli wakati mu kyo; kyaguteeka ku lwazi olwereere; tekyagufuka ku ttaka okugubikkako enfuufu;
- 8 gulinyise ekiruyi okuwalana eggwanga, kyenvudde nteeka omusaayi gwakyo ku lwazi olwereere, guleme okubikkibwako.
- 9 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Zisanze ekibuga eky'omusaayi! era nange nditeekera enkoomi okuba ennene.
- 10 Tindikira enku nnyingi, oyase omuliro, ofumbire ddala ennyama, okwase amazzi g'ennyama, amagumba gasiriire.
- 11 Olyoke ogiteeke ku manda gaayo nga terimu kintu, ebugume, n'ekikomo kyayo kiggye, n'empitambi yaayo esaanuuke mu yo, obutalagge bwayo bumalibwewo.
- 12 Kyekooyezza n'okutegana: era naye obutalagge bwakyo obungi tebukivaamu; obutalagge bwakyo tebuvaamu na muliro.
- 13 Mu mpitambi yo mulimu obukaba: kubanga nakulongoosa so tewalongoosebwa, kyoliva olema okulongoosebwa empitambi yo nate n'akatono okutuusa lwe ndikkusa ekiruyi kyange ku ggwe.
- 14 Nze Mukama nkyogedde: kirituuka nange ndikikola; siridda nnyuma so sirisonyiwa so siryejjusa; ng'amakubo go bwe gali era ng'ebikolwa byo bwe biri, bwe balikusalira omusango, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 15 Era ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 16 Omwana w'omuntu, laba, oliba oli awo ne nkuggyako ekyo amaaso go kye geegomba: era naye towuubaalanga so tokaabanga maziga so n'amaziga go galemenga okukulukuta
- 17 Ssa ebikkowe naye kasirise towuubaalira afudde, weesibe ekirembe kyo, onaanike engatto zo mu bigere, so tobikka ku mimwa gyo, so tolyanga ku mmere ey'abantu.
- 18 Awo ne njogera n'abantu enkya; akawungeezi mukazi wange n'afa: ne nkola enkya nga bwe nnalagiddwa.
- 19 Abantu ne baamba nti Tootubuulire ebigambo bino bwe biri ku ffe, kyova okola bw'otyoo?
- 20 Awo ne mbagamba nti Ekigambo kya Mukama kyanjijidde nga kyogera nti
- 21 Gamba ennyumba ya Isiraeri nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndyoonona ekifo kyange ekitukuvu, amalala ag'obuyinza bwammwe, amaaso gammwe kye geegomba, n'ekyo emmeeme yammwe ky'esaasira; kale abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala be mwaleka ennyuma baligwa n'ekitala.

- 22 Nammwe mulikola nga nze bwe nkoze: temulibikka ku mimwa gyammwe so temulirya mmere ya bantu.
- 23 N'ebirembe byammwe biriba ku mitwe gyammwe, n'engatto zammwe mu bigere byammwe: temuliwuubaala so temulikaaba; naye muliyongerera mu butali butuukirivu bwammwe, ne musinda buli muntu ne munne.
- 24 Bwe kityo Ezeekyeri aliba gye muli akabonero; nga byonna bwe biri by'akoze bwe mutyo bwe mulikola: ekyo bwe kirijja, kale ne mulyoka mutegeera nga nze Mukama Katonda.
- 25 Naawe, omwana w'omuntu, ku lunaku lwe ndibaggyako amaanyi gaabwe, essanyu ery'ekitiibwa kyabwe, amaaso gaabwe kye geegomba, n'ekyo kye bateekako omutima gwabwe, abaana baabwe ab'obuenzi n'ab'obuwala,
- 26 kale ku lunaku olwo tekiriba bwe kityo ng'oyo aliwona alijja gy'oli okukikuwuliza n'amatu go!
- 27 Ku lunaku lwo akamwa ko kalyasamira oyo aliba ng'awonye, n'oyogera so toliba kasiru nate: bwe kityo oliba kabonero gye bali; kale balimanya nga ze Mukama.

Essuula 25

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, simba amaaso okwolekera abaana ba Amoni, obalagulireko:
- 3 ogambe abaana ba Amoni nti Muwulire ekigambo kya Mukama Katonda: bw'ati bw'ayogera Mukama nti Kubanga wayogera nti Nyeenya, eri awatukuvu wange, bwe wayonooneka; n'eri ensi ya Isiraeri bwe yazisibwa; n'eri ennyumba ya Yuda bwe baagenda mu busibe:
- 4 laba, kyendiva nkuwaayo eri abaana ab'ebuvanjuba okuba obutaka, kale balisiisira ensiisira zaabwe mu ggwe, ne batuula mu ggwe; balirya ebibala byo, era balinywa amata go.
- 5 Era ndifuula Labba okuba ng'ekisibo eky'eamira, n'abaana ba Amoni okuba ng'ekifo embuzi we zigalamira: kale mulimanya nga nze Mukama.
- 6 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga okubye mu ngalo, n'osamba n'ebigere, n'osanyukira ku nsi ya Isiraeri n'ekyejo kyonna eky'omu mmeeme yo;
- 7 laba, kyenvudde nkugololerako omukono gwange, era ndikuwaayo okuba omunyago eri amawanga; era ndikuzikiriza mu mawanga, ne nkumalamu mu nsi ezo: ndiku-faafaaganya; kale olimanya nga nze Mukama.
- 8 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga Mowaabu ne Seyiri boogera nti Laba, ennyumba ya Yuda efaanana amawanga gonna;
- 9 laba, kyendiva mbaggulira abaana b'ebuvanjuba oluuyi lwa Mowaabu okuva mu bibuga, okuva mu bibuga bye ebiri ku nsalo ye, ekitiibwa eky'ensi, Besuyesimosi, Baalumyoni, ne Kiriyasayimu,
- 10 okutabaala abaana ba Amoni, era ndibawa okuba obutaka, abaana ba Amoni bale-menga okujjukirwanga mu mawanga:
- 11 era ndituukiriza emisango ku Mowaabu; kale balimanya nga nze Mukama.
- 12 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga Edomu akoze bubi ennyumba ya Yuda ng'awalana eggwanga, era ayonoonye nnyo era yeewalanidde eggwanga ku bo;
- 13 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Ndigololera ku Edomu omukono gwange, ne mmumalamu abantu n'ensolo: era ndigizisa okuva e Temani: okutuuka e Dedani baligwa n'ekitala.
- 14 Era nditeeka eggwanga lyange ku Edomu n'omukono gw'abantu bange Isiraeri; era balikolera mu Edomu ng'obusungu bwange bwe buli era ng'ekiruyi kyange bwe kiri:

kale balimanya okuwalana kwange, bw'ayogera Mukama Katonda.

- 15 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga Abafirisuuti bakoze nga bawalana eggwanga, era bawalanye eggwanga emmeeme yaabwe ng'eriko ekyejo, okugizikiriza n'obulabe obutaggwaawo;
- 16 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndigololera ku Bafirisuuti omukono gwange, era ndimalawo Abakeresi, ne nzikiriza ekitundu ekifisseewo eky'oku ttale ly'ennyanja.
- 17 Era ndiwalana ku bo eggwanga ekkulu nga mbanenya n'ekiruyi: kale balimanya nga nze Mukama, bwe ndibateekako eggwanga lyange.

Essuula 26

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'esatu ku lunaku olw'oluberebereye olw'omwezi ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, kubanga Ttuulo ayogedde ku Yerusaalemi nti Nyeenya! oyo amenyese eyabanga omulyango ogw'amawanga; akyukidde gye ndi: kaakano ye ng'amaze okuzisibwa nze ndigaggawala:
- 3 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndi mulabe wo, ggwe Ttuulo, era ndikutabaaza amawanga mangi, ng'ennyanja bw'etabaaza amayengo gaayo.
- 4 Kale balizikiriza babbugwe ba Ttuulo, ne bamenyera ddala ebigo bye: era ndimukolokotako enfuufu ye, ne mmufuula olwazi olwereere.
- 5 Anaabanga kifo kya kutegerangako migonjo wakati mu nnyanja: kubanga nze nkyogedde, bw'ayogera Mukama Katonda: era kinaabanga munyago gwa mawanga.
- 6 Ne bawala be abali mu ttale balittibwa n'ekitala: kale balimanya nga nze Mukama.
- 7 Kubanga Mukama Katonda bw'ayogera bw'ati nti Laba, ndireeta ku Ttuulo Nebukad-duleeza kabaka w'e Babulooni; kabaka wa bakabaka, okuva obukiika obwa kkono, ng'alina embalaasi n'amagaali n'abeebagadde embalassi nekibiina n'abantu bangi.
- 8 Alitta n'ekitala bawala bo abali mu ttale era alikuzimbako ebigo, n'akutumako ekifunvu, n'akuyimusizaako engabo.
- 9 Era alisimba ebintu bye ebitomera ku babbugwe bo, era alimenyera ddala ebigo byo n'embazzi ze.
- 10 Embalaasi ze kubanga ziyinze obungi, enfuufu yaazo erikubikkako: babbugwe bo balikankana olw'oluyoogaano lw'abo abeebagala embalaasi ne bannamuziga n'amagaali, bw'aliyingira mu miryango gyo, ng'abantu bwe bayingira mu kibuga ekiwagud-dwamu ekituli.
- 11 Alirinyirira enguudo zo zonna n'ebinuulo by'embalaasi ze: alitta abantu bo n'ekitala, n'empagi ez'amaanyi go zirikka wansi.
- 12 Era balinyaga obugagga bwo, n'eby'obuguzi bwo balibifuula omuyiggo: era balimenyera ddala babbugwe bo, ne bazikiriza ennyumba zo ez'okwesiima: era baligalamiza amayinja go n'emiti gyo n'enfuufu yo wakati mu mazzi.
- 13 Era ndikomya eddoozi ery'ennyimba zo: n'okuvuga kw'ennanga zo tekuliwulirwa nate.
- 14 Era ndikufuula olwazi olwereere: era onoobanga kifo kya kutegerangako migonjo: tolizimbibwa nate: kubanga nze Mukama nkyogedde, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 15 Bw'ati Mukama Katonda bw'agamba Ttuulo nti Ebizinga tebirikankana olw'okub-watuka olw'okugwa kwo, abaliko ebiwundu bwe balisinda, ng'abattira ekiwendo wakati mu ggwe?
- 16 Awo abalangira bonna ab'ennyanja baliva ku ntebe zaabwe, ne bambula ebyambalo byabwe, ne beggyako engoye zaabwe ez'eddalizi: balyambala okukankana; balituula ku ttaka nga bakankana buli kaseera ne bakusamaaliririra.

- 17 Era balitanula okukukungubagira ne bakugamba nti Ng'ozikiridde, ggwe eyatuulwangamu abalunnyanja, ekibuga ekyayatiikirira, ekyalina amaanyi ku nnyanja, kyo n'abo abakituulamu, abaagwisaako entiisa yaabwe ku abo bonna abaagitambuli-rangamu!
- 18 Kaakano ebizinga birikankana ku lunaku olw'okugwa kwo: weewaawo, ebizinga ebiri mu nnyanja birikeentererwa olw'okugenda kwo.
- 19 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Bwe ndikufuula ekibuga ekyalekeb-wawo, ng'ebibuga ebitatuulwamu; bwe ndikulinyisaako ennyanja, amazzi amangi ne gakubikkako;
- 20 kale ndikukkakkanya wamu n'abo abakka mu bunnya, eri abantu ab'omu biro eby'edda, era ndikutuuzza mu njuyi z'ensi eza wansi, mu bifo ebyalekebawo obw'edda, wamu n'abo abakka mu bunnya, olemenga okutuulwamu; era nditeeka ekitiibwa mu nsi ey'abalamu:
- 21 ndikufuula entiisa, so tolibaawo nate: newakubadde nga bakunoonya, naye tebaakula-benga nate ennaku zonna, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 27

- 1 Ekigambo kya Mukama ne kinjjira nate nga kyogera nti
- 2 Naawe, omwana w'omuntu, tanula okukungubagira Ttuulo:
- 3 ogambe Ttuulo nti Ai ggwe atuula awayingirirwa mu nyanja, omusuubuzi ow'amawanga eri ebizinga bingi, bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ggwe, ai Ttuulo oyogedde nti Nze natuukirira mu bulungi.
- 4 Ensalo zo ziri mu mutima gw'ennyanja, abazimbi bo batuukirizza obulungi bwo.
- 5 Embaawo zo zonna baaziggya mu miberozi egiva ku Seniri: baggye emivule ku Lebanooni okukukolera omulongooti.
- 6 Enkasi zo bazikoze mu myera egya Basani: emmanga zo bazikozezza masanga agawaayirwa mu nzo ezaava ku bizinga bya Kittimu.
- 7 Ettanga lyo lyali lya bafuta eriko omulimu ogw'eddalizi ogwava e Misiri, libeere gy'oli ebendera: engoye eza kaniki n'ez'effulungu ezaava ku bizinga bya Erisa ze zaali ettandaluwa yo.
- 8 Abatuula mu Sidoni ne Aluvadi be baali abavuzi bo: abagezigezi bo baali mu ggwe, ai Ttuulo, be baali abagoba bo.
- 9 Abakadde ba Gebali n'abagezigezi baayo baali mu ggwe, nga be bakonzi bo: ebyombo byonna eby'oku nnyanja n'abalunnyanja baabyo baabanga mu ggwe okuwamba eby'obuguzi bwo.
- 10 Obuperusi ne Ludi ne Puti baali mu ggye lyo, abasajja bo abalwanyii: baawanikanga mu ggwe engabo n'enkuffiira: baatenda obulungi bwo.
- 11 Abasajja ab'e Yaluvadi wamu n'eggye lyo baabanga ku babugwe bo okwetooloola, n'Abagammada baabanga mu bigo byo: baawanikanga engabo zaabwe ku babugwe bo okwetooloola: baatuukiriza obulungi bwo.
- 12 Talusiisi ye yabanga omusuubuzi wo olw'obugagga obw'engeri zonna: baawangayo olw'obuguzi bwo effeeza n'ebyuma n'amabaati n'amasasi.
- 13 Yavani, Tubali, ne Meseki, be baali abasuubuzi bo: baawanga emibiri gy'abantu n'ebintu eby'ebikomo olw'obuguzi bwo.
- 14 Ab'omu nnyumba ya Togaluma baawangayo embalaasi n'embalaasi ez'entalo n'ennyumbu olw'ebintu byo.
- 15 Abasajja ab'e Dedani be baali abasuubuzi bo: ebizinga bingi ebyali akatale ak'omu mukono gwo: baakuleeteranga okuwaanyisa amasanga n'emitoogo.
- 16 Obusuuli yabanga, musuubuzi wo olw'olufulube lw'emirimu gyo: baawangayo

- olw'ebintu byo amayinja aga nnawandagala n'olugoye olw'effulungu n'omulimu ogw'eddalizi ne bafuta ennungi ne kolali n'amayinja amatwakaavu,
- 17** Yuda n'ensi ya Isiraeri baabanga basuubuzi bo: baawangayo olw'obuguzi bwo eaano ey'e Minnisi n'eby'akaloosa n'omubisi gw'enjuki n'amafuta n'envumbo.
- 18** Ddamasiko yabanga musuubuzi wo olw'olululube olw'emirimu gyo, olw'olululube lw'obugagga obw'engeri zonna: n'omwenge ogw'e Keruboni n'ebyoya by'endiga ebyeru.
- 19** Vedani ne Yavani baawangayo olw'ebintu byo obugoogwa: ekyuma ekimasamasa ne kasiya ne kalamo byabanga mu buguzi bwo.
- 20** Dedani yabanga musuubuzi wo olw'engoye ez'omuwendo omungi ez'okwebagali-rako.
- 21** Obuwalabu n'abalangira bonna ab'e Kedali abo baabanga basuubuzi ba mu mukono gwo: baabanga basuubuzi bo olw'abaana b'endiga n'endiga ennume n'embuzi.
- 22** Abasuubuzi ab'e Seeba ne Laama baabanga basuubuzi bo: baawangayo olw'ebintu byo eby'akaloosa ebisinga byonna n'amayinja gonna ag'omuwendo omungi n'ezaabu.
- 23** Kalani, ne Kanne ne Edeni n'abasuubuzi ab'e Seeba ne Asuli, ne Kirunaadi baabanga basuubuzi bo.
- 24** Abo be baabanga abasuubuzi bo olw'ebintu ebironde, olw'emitumba gya kaniki n'emirimu egy'eddalizi, n'essanduuko ez'ebyambalo ezineekaneeka, ezisibibwa n'emigwa ezikolebwa emivule, mu by'obuguzi bwo.
- 25** Ebyombo eby'e Talusiisi bye byakutambuliranga olw'obuguzi bwo: era wagaggawala n'oba wa kitiibwa kinene mu mutima gw'ennyanja.
- 26** Abavuzi bo baakuusiza awali amazzi amangi: omuyaga ogw'ebuvanjuba gukumenye mu mutima gw'ennyanja.
- 27** Obugagga bwo n'ebintu byo, obuguzi bwo, abalunnyanja bo, n'abagoba bo, abakozi bo n'abawamba obuguzi bwo, n'abasajja bo bonna abalwanyani abaali mu ggwe, wamu n'ekibiina kyo kyonna ekiri mu ggwe wakati, baligwa mu mutima gw'ennyanja ku lunaku olw'okugwa kwo.
- 28** Olw'eddoboozi ery'okuleekaana kw'abagoba bo, ebyalo ebiriraanyeevo birikankana.
- 29** N'abo bonna abakwata enkasi, abalunnyanja n'abagoba bonna ab'oku nnyanja baliva mu byombo byabwe, baliyimirira ku lukalu,
- 30** era baliwuliza eddoboozi lyabwe, nga bakukaabira, era balirira nga baliko obuyinike, ne basuula enfuufu ku mitwe gyabwe, era balyekulukuunya mu vvu:
- 31** era balikumwera ne beesiba ebibukutu, era balikukaabira amaziga emmeeme zaabwe nga ziriko obuyinike, nga bawuubaala nnyo nnyini.
- 32** Awo nga bakuba ebiwoobe balitanula okukukungubagira ne bakukungubagira nga boogera nti Ani afaanana Ttuulo, afaanana oyo asirisibwa wakati mu nnyanja?
- 33** Ebintu byo bwe byavanga ku nnyanja, wajjuzanga amawanga mangi: wagaggawaza bakabaka b'ensi n'olululube lw'obugagga bwo n'olw'obuguzi bwo.
- 34** Mu biro ennyanja bwe yakumenya mu buziba obw'amazzi, obuguzi bwo n'ekibiina kyo kyonna ne bigwa wakati mu ggwe.
- 35** Abo bonna abali ku bizinga bakusamaaliriridde, ne bakabaka baabwe batidde nnyo nnyini, amaaso gaabwe geeraliikiridde.
- 36** Abasuubuzi ab'omu mawanga bakusooza; ofuuse entiisa, so toobengawo nate ennaku zonna.

Essuula 28

- 1** Ekigambo kya Mukama ne kinjiira nate nga kyogera nti

- 2 Omwana w'omuntu, gamba omulangira w'e Ttuulo nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga omutima gwo gugulumizibwa n'oyogera nti Nze katonda, ntudde ku ntebe ya Katonda wakati mu nnyanja: era naye oli muntu buntu so si Katonda, newakubadde nga wasimba omutima gwo ng'omutima gwa Katonda:
- 3 laba, olina amagezi okusinga Danyeri; tewali kyama kye bayinza okukukweka:
- 4 weefunira obugagga olw'amagezi go n'okutegeera kwo, n'ofuna ezaabu ne ffeeza mu by'obugagga byo:
- 5 oyongedde obugagga bwo olw'amagezi go amangi n'olw'okusuubula kwo, n'omutima gwo gugulumizibwa olw'obugagga bwo:
- 6 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Kubanga osimbye omutima gwo ng'omutima gwa Katonda;
- 7 laba, kyendiva nkuleetako bannaggwanga, ab'entiisa ab'omu mawanga: kale balisowola ebitala byabwe okulwanyisa obulungi obw'amagezi go, era balyonoona okumasama kwo.
- 8 Balikussa mu bunnya; era olifa ng'abo bwe bafa abattirwa mu mutima gw'ennyanja.
- 9 Olyeyongera nate okugambira mu maaso g'oyo akutta nti Nze Katonda? naye oli muntu buntu so si Katonda mu mukono gw'oyo akufumita.
- 10 Olifa ng'abo bwe bafa abatali bakomole n'omukono gwa bannaggwanga: kubanga nze nkyogedde, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 11 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 12 Omwana w'omuntu, tanula okukungubagira kabaka w'e Ttuulo omugambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ossa akabonero ku muwendo, ng'ojjudde amagezi, ng'otuukiridde obulungi.
- 13 Wali mu Adeni olusuku lwa Katonda; buli jinja ery'omuwendo omungi lyabanga lya kukubikkako, sadio, topazi, ne alimasi, berulo, sokamu, ne yasepi, safiro, ejinja erya nnawandagala, ne kabunkulo, ne zaabu: emirimu egy'ebitaasa byo n'egy'endere zo gyalu mu ggwe; gyategekebwa ku lunaku kwe watonderwa.
- 14 Wali kerubi eyafukibwako amafuta abikkako: era nze nakusimba n'okubeera n'obeera ku lusozi lwa Katonda olutukuvu; watambula eruuyi n'eruuyi wakati mu mayinja ag'omuliro.
- 15 Wali ng'otuukiridde mu makubo go okuva ku lunaku kwe watonderwa okutuusa obutali butuukirivu lwe bwalabika mu ggwe.
- 16 Baakujuzza wakati ekyejo olw'olufulube olw'okusuubula kwo, n'oyonoona: kyenvudde nkusuula nga nkuggya ku lusozi lwa Katonda nga nkulanga obwonoonefu; era nkuzikirizza, ai kerubi abikkako, okuva wakati mu mayinja ag'omuliro.
- 17 Omutima gwo gwagulumizibwa olw'obulungi bwo, wakyamya amagezi go olw'okumasama kwo: nkusudde wansi, nkutadde mu maaso ga bakabaka, bakutunuulire.
- 18 Wayonoona ebifo byo ebitukuvu olw'olufulube olw'obutali butuukirivu bwo mu kusuubula kwo okutali kwa mazima; kyenvudde nziya omuliro wakati mu ggwe, gukwokezza, era nkufudde evvu ku ttaka mu maaso g'abo bonna abakutunuulira.
- 19 Abo bonna abakumanyi mu mawanga balikwewuunya: ofuuse entiisa so toobengawo nate ennaku zonna.
- 20 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 21 Omwana w'omuntu, simba amaaso go okwolekera Sidoni kiragule,
- 22 oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, nze ndi mulabe wo, ai Sidoni; era ndigulumizibwa wakati mu ggwe: kale balimanya nga nze Mukama, bwe ndimala okutuukiririza mu kyo emisango, ne ntukuzibwa mu kyo
- 23 Kubanga ndiweereza mu kyo kawumpuli n'omusaayi mu nguudo zaakyo; n'abaliko ebiwundu baligwa wakati mu kyo, ekitala nga kikirumba enjuyi zonna; kale balimanya nga nze Mukama.

- 24 Kale tewalibaawo nate omweramannyo ogufumita eri ennyumba ya Isiraeri newakubadde eriggwa erinakuwaza ku abo bonna ababeetoolodde, abaabagiriranga ekyejo; kale balimanya nga nze Mukama Katonda.
- 25 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Bwe ndiba nga mmaze okukuaanya ennyumba ya Isiraeri okubaggya mu mawanga, mwe baasaasaanyizibwa, ne ntukuzibwa mu bo mu maaso g'amawanga, kale balituula mu nsi yaabwe gye nnawa omuddu wange Yakobo.
- 26 Era balituula omwo mirembe; weewaawo, balizimba ennyumba ne basimba ensuku ez'emizabbibu, ne batuula mirembe nga tebaliiko kye batya; bwe ndiba nga mmaze okutuukiriza emisango ku abo bonna abaabagirira ekyejo ababeetoolodde; kale balimanya nga nze Mukama Katonda waabwe.

Essuula 29

- 1 Mu mwaka ogw'ekkumi mu mwezi ogw'ekkumi ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi n'ebbiri ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, simba amaaso go okwolekera Falaawo kabaka w'e Misiri omulagulireko ne ku Misiri yonna:
- 3 yogera ogambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabe wo, Falaawo kabaka w'e Misiri, ogusota ogunene ogugalamira wakati mu migga gyagwo, ogwogedde nti Omugga gwange, gwange, era ngwekoledde nzekka.
- 4 Era nditeeka amalobo mu mba zo, n'ebyennyanya eby'omu migga gyo ndibikwataganya n'amagamba go; era ndikulinyisa okukuggya wakati mu migga gyo, wamu n'ebyennyanya byonna eby'omu migga gyo ebikwatagana n'amagamba go.
- 5 Era ndikuleka ng'osuliddwa mu ddungu, ggwe n'ebyennyanya byonna eby'omu migga gyo: oligwa ku ttale ebweru; tolakuaayizibwa so toliyoolebwa: nkuwaddeyo okuba emmere eri ensolo ez'oku nsi n'eri ennyonyi ez'omu bbanga.
- 6 Kale bonna abali mu Misiri balimanya nga nze Mukama, kubanga baabanga muggo gwa lumuli eri ennyumba ya Isiraeri.
- 7 Bwe bakukwata ku mukono, n'omenyeka n'oyasa ebibegabega byabwe byonna: era bwe beesigama ku ggwe, n'omenyeka, n'oyimiriza ebiwato byabwe byonna.
- 8 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndikuleetako ekitala, ne nkumalamu abantu n'ensolo.
- 9 N'ensi y'e Misiri eriba matongo era nsiko; kale balimanya nga nze Mukama: kubanga ayogedde nti Omugga gwange, era nze nagukola.
- 10 Kale, laba, nze ndi mulabe wo, era ndi mulabe w'emigga gyo, era ndifuula ensi y'e Misiri ensiko enjereere n'amatongo, okuva ku kigo eky'e Sevene okutuuka ne ku nsalo ey'e Buwesiyopya.
- 11 Tewaliba kigere kya muntu ekiriyitamu so tewaliba kigere kya nsolo ekiriyitamu, so terituulwamu emyaka amakumi ana.
- 12 Era ndifuula ensi y'e Misiri amatongo wakati mu nsi ezaalekebawo, n'ebibuga byayo mu bibuga ebizibwa biriba matongo emyaka amakumi ana: era ndisaasaanyiza Abamisiri mu mawanga ne mbataaanyiza mu nsi nnyingi.
- 13 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Emyaka amakumi ana nga giyiseewo ndikuaanya Abamisiri okubaggya mu mawanga mwe baasaasaanyizibwa:
- 14 era ndikomyawo obusibe obw'e Misiri, ne mbazza mu nsi ey'e Pasulo, mu nsi mwe baazaalirwa; era baliba eyo obwakabaka obwajeezebwa.
- 15 Bulisinga obwakabaka bwonna okujeezebwa; so tebulyegulumiza nate ku mawanga: era ndibakendeeza, so tebalifuga nate mawanga.
- 16 So tebuliba nate bwesige bwa nnyumba ya Isiraeri, nga bujjukiza obutali butuukirivu,

bwe bakebuka okubatunuulira; kale balimanya nga nze Mukama Katonda.

- 17 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'amakumi abiri mu musanvu mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku olw'omwezi olw'olubereberye ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 18 Omwana w'omuntu, Nebukadduleeza kabaka we Babulooni yatabaaza eggye lye olutabaalo olunene okulwanyisa Ttuulo: buli mutwe ne gubaako ekiwalaata, na buli kibegabega ne kibambuka: era naye teyalina mpeera, newakubadde eggye lye okuva e Ttuulo, olw'olutabaalo lwe yakitabaala:
- 19 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Laba, ndiwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni ensi y'e Misiri; era alitwalira ddala olufulube lw'abantu baayo, n'anyaga omunyago gwamu, n'anyaga omuyiggo gwamu; era ye eriba empeera ey'eggye lye.
- 20 Mmuwadde ensi y'e Misiri okuba empeera ye gye yatabaalira, kubanga baakola omulimu gwange, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 21 Ku lunaku olwo ndimereza ejjembe ennyumba ya Isiraeri, era ndikuwa okwasama akamwa wakati mu bo; kale balimanya nga nze Mukama.

Essuula 30

- 1 Ekigambo kya Mukama ne kinjjira nate nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, lagula oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Muwowoggane nti Zisanze olunaku!
- 3 Kubanga olunaku luli kumpi, olunaku lwa Mukama lwe luli okumpi, olunaku olw'ebire; kiriba kiseera kya bannaggwanga.
- 4 Era ekitala kiririnya ku Misiri, n'obubalagaze buliba Buwesiyopya, abo abattiddwa bwe baligwa mu Misiri; era baliggyawo olufulube lw'abantu baamu, n'emisingi gyayo girimenyekera ddala.
- 5 Obuwesiyopya, ne Puti, ne Ludi, n'abantu bonna abaatabulwa, ne Kubu, n'abaana bonna ab'ensi eragaanye, baligwa wamu nabo n'ekitala.
- 6 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Era n'abo abakwatirira Misiri baligwa, n'amalala ag'obuyinza bwayo galikankana: okuva ku kigo eky'e Sevene baligwa omwo n'ekitala, bw'ayogera Mukama.
- 7 Era baliba nga balekeddwawo wakati mu nsi ezaalekebwawo, n'ebibuga byayo biriba wakati mu bibuga ebyazisibwa.
- 8 Kale balimanya nga nze Mukama, bwe ndimala okukuma omuliro mu Misiri, n'ababeezi baayo bonna nga bazikiridde:
- 9 Ku lunaku olwo ababaka balitambula nga bava mu maaso gange nga bagenderera mu byombo okutiisa Abesiyopya abeegolola; kale obubalagaze buliba ku bo, nga ku lunaku lwa Misiri; kubanga, laba, lujja.
- 10 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Era ndikomya olufulube lw'abantu ba Misiri n'omukono gwa Nebukadduleeza kabaka w'e Babulooni.
- 11 Ye n'abantu be awamu naye, ab'entiisa ab'omu mawanga, baliyingizibwa okuzikiriza ensi; era balisowola ebitala byabwe okulwanyisa Misiri, ne bajjuza ensi abo abattiddwa.
- 12 Era ndikaza emigga, ne ntunda ensi mu mukono gw'abantu ababi; era ndirekesaawo nsi ne byonna ebirimu n'omukono gwa banaaggwanga: nze Mukama nkyogedde.
- 13 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Era ndizikiriza n'ebifaananyi, era ndimalamu esanamu nu Noofu; so tewaliba nate mulangira ava mu nsi y'e Misiri: era nditeeka entiisa mu nsi y'e Misiri.
- 14 Era ndirekesaawo Pasulo, ne nkuma omuliro mu Zowani, ne ntuukiriza emisango mu No.

- 15 Era ndifuka ekiruyi kyange ku Sini, ekigo kya Misiri; era ndimalwo olufulube olw'abantu ba No.
- 16 Era ndikuma omuliro mu Misiri; Sini kiriba n'obubalagaze bungi, ne No kirimenyeka: ne Noofu kiriba n'abalabe emisana.
- 17 Abalenzi ba Aveni n'aba Pibesesi baligwa n'ekiala: n'ebibuga bino birigenda mu busibe.
- 18 Era e Tekafunekeesi n'omusaaa gulyeggyawo, bwe ndimenyera eyo ebikoligo bya Misiri, n'amalala ag'obuyinza bwayo galigwaawo omwo: naky'o ekire kirikibikkako, ne bawala baakyo baligenda mu busibe.
- 19 Bwe ntyo bwe ndituukiriza emisango mu Misiri: kale balimanya nga nze Mukama.
- 20 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu mu mwezi gw'olubereberye ku lunaku olw'omwezi olw'omusanvu ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 21 Omwana w'omuntu, mmenye omukono gwa Falaawo kabaka w'e Miisiri; era, laba, tegusibiddwa okusiigako eddagala, okussaako ekiwero okugusiba, gubeere n'amaanyi okukwata ekitala.
- 22 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti laba, ndi mulabe wa Falaawo kabaka w'e Misiri, era ndimenya emikono gye, ogw'amaanyi n'ogwo ogwamenyeka; era ndigwisa ekitala okuva mu mukono gwe.
- 23 Era ndisaasaanyiza Abamisiri mu mawanga, era ndibataataaganyiza mu nsi nnyingi.
- 24 Era ndinyweza emikono gya kabaka w'e Babulooni, ne nteeka ekitala kyange mu mukono gwe: naye ndimenya emikono gya Falaawo, kale alisindira mu maaso ge ng'omuntu afumitiddwa okufa bw'asinda.
- 25 Era ndisitula emikono gya kabaka w'e Babulooni, n'emikono gya Falaawo girikka; kale balimanya nga nze Mukama, bwe nditeeka ekitala kyange mu mukono gwa kabaka w'e Babulooni, naye alikigololera ku nsi y'e Misiri.
- 26 Era ndisaasaanyiza Abamisiri mu mawanga ne mbataataaganyiza mu nsi nnyingi; kale balimanya nga nze Mukama.

Essuula 31

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ogumu mu mwezi ogw'okusatu ku lunaku olw'omwezi olw'olubereberye ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, gamba Falaawo kabaka w'e Misiri n'olufulube lw'abantu be nti Ofaanana ani mu bukulu bwo?
- 3 Laba, Omwasuli yali muvule ku Lebanooni ogw'amatabi amalungi, era ogw'ekisaanikira eky'ekisiikirize, era muwanvu; n'obusongezo bwe bwali mu matabi amaziyivu.
- 4 Amazzi gaamuliisanga; ennyanja yamukuza: emigga gye gyakulukuta okwetooloola olusuku lwe; era yatusa ensalosalo ze eri emiti gyonna egy'omu ttale.
- 5 Obuwanvu bwe kyebwava bugulumizibwa okusinga emiti gyonna egy'omu ttale; n'amatabi ge ne gaala, ensibuka ze n'ezaala, amatabi ge ne gawanvuwa olw'amazzi amangi, bwe yagasuula.
- 6 Ennyonyi zonna ez'omu bbanga ne zizimba ebisu byazo mu matabi ge, n'ensolo zonna ez'omu nsiko ne zizaalira abaana baazo wansi w'amatabi ge, n'amawanga gonna amakulu ne gabeera wansi w'ekisiikirize kye.
- 7 Bw'atyo n'aba mulungi mu bukulu bwe, olw'okuwanvuwa kw'amatabi ge: kubanga emmizi gye gyalali awali amazzi amangi.
- 8 Emivule egy'omu lusuku lwa Katonda tegyayinza kumukweka: emiberoosi nga tegyenkana matabi ge, n'emyalamooni nga tegifaanana nsibuka ze: so nga tewali muti

mu lusuku lwa Katonda ogumwenkana obulungi bwe.

- 9 N'amufuula mulungi olw'olufulube lw'amatabi ge: emiti gyonna egy'omu Adeni egyali mu lusuku lwa Katonda n'okukwatibwa ne gimukwatirwa obuggya.
- 10 Mukama Katonda kyeyava ayogera bw'ati nti Kubanga ogulumizibwa obuwanvu, era atadde obusongezo bwe mu matabi amaziyivu, n'omutima gwe gusituliddwa olw'obugulumivu bwe;
- 11 okuwa ndimuwaayo mu mukono gw'ow'amaanyi ku mawanga; talirema kumubonereza: mmugobye olw'obubi bwe.
- 12 Era bannaggwanga, ab'entiisa ab'omu mawanga, bamumazeewo, bamuleseewo: amatabi ge gagudde ku nsozi ne mu biwonvu byonna, n'ensibuka ze zimenyekedde ku nsalosalo zonna ez'omu nsi; n'amawanga ag'omu nsi gasse okuva mu kisiikirize kye, era bamuleseewo.
- 13 Ennyonyi zonna ez'omu bbanga zirituula ku bibye ebyagwa, n'ensolo zonna ez'omu nsiko ziribeera ku matabi ge:
- 14 waleme okubaawo ku miti gyonna egiri ku mabbali g'amazzi n'ogumu ogulyegulumiza olw'obuwanvu bwagyo, era gireme okuteeka obusongezo bwagyo mu matabi amaziyivu, n'egyagyo egy'amaanyi gireme okuyimirira mu bugulumivu bwagyo, gyonna eginywa amazzi: kubanga gyonna giweereddwayo eri okufa, eri enjuyi ez'ensi eza wansi, wakati mu baana b'abantu, wamu n'abo abakka mu bunny.
- 15 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ku lunaku lwe yakka mu magombe, naleeta ekiwuubaalo: namubikkira ku nnyanja, ne nziyiza emigga gyayo, n'amazzi amangi ne gayimirizibwa: ne mpuubaaza Lebanoni ku lulwe, emiti gyonna egy'omu ttale ne giyongobera ku lulwe.
- 16 Nakankanya amawanga olw'eddoboozi ery'okugwa kwe, bwe nnamusuula mu magombe wamu n'abo abakka mu bunny: emiti gyonna egy'omu Adeni, emironde egya Lebanoni egisinga obulungi, gyonna eginywa amazzi, ne gisanyusibwa mu njuyi ez'ensi eza wansi.
- 17 Era nagyo ne gikka mu magombe wamu naye eri abo abattibwa n'ekitala; weewaawo, abo abaabanga omukono gwe, abaatuulanga wansi w'ekisiikirize kye wakati mu mawanga.
- 18 Ofaanana ani bw'otyo ekitiibwa n'obukulu mu miti egy'omu Adeni? era naye olisibwa wamu n'emiti egy'omu Adeni mu njuyi ez'ensi eza wansi: oligalamira wakati mu batali bakomole, wamu n'abo abattibwa n'ekitala. Oyo ye Falaawo n'olufulube lw'abantu be bonna, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 32

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri, mu mwezi ogw'ekkumi n'ebiri ku lunaku olw'omwezi olw'olubereberye ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, tanula okukungubagira Falaawo kabaka w'e Misiri omugambe nti Wafaananyizibwa empologoma ento ey'omu mawanga: era naye oli ng'ogusota oguli mu nnyanja; n'owaguza wamu n'emigga gyo, n'otabangula amazzi n'ebigere byo, n'oyonoona emigga gyago:
- 3 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ndikusuulako omugonjo gwange n'ekibiina eky'amawanga amangi; era balikuvuba n'omugonjo gwange.
- 4 Era ndikuleka ku lukalu ne nkusuula ku ttale ebweru, ne nkugwisaako ennyonyi zonna ez'omu bbanga, naawe ndikukkusa ensolo ez'omu nsi zonna bwe zenkana.
- 5 Era nditeeka omubiri gwo ku nsozi ne njijuzi ebiwonvu obugulumivu bwo.
- 6 Era ndifukurira ensi gy'owugamu n'omusaayi gwo, okutuuka ne ku nsozi; n'ensalosalo

zirikujjula:

- 7 Awo bwe ndikumalawo, ndibikka ku ggulu ne nfuula emmunyeenye zaamu okubaako ekizikiza; era ndibikka ekire ku njuba, so n'omwezi tegulireeta kwaka kwagwo.
- 8 Ettabaaza zonna ez'omu ggulu ezaakaayakana ndizireetako ekizikiza waggulu wo, ne nteeka ekizikiza ku nsi yo, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 9 Era ndyeraliikiriza emitima gy'amawanga amangi, bwe ndituusa okuzikirira kwo mu mawanga, mu nsi z'otomanyanga.
- 10 Weewaawo, ndikusamaaliririza amawanga mangi, ne bakabaka baabwe balitya nnyo nnyini ku lulwo, bwe ndigalula ekitala kyange mu maaso gaabwe; era balikankana buli kaseera, buli muntu ng'akananira obulamu bwe ye, ku lunaku olw'okugwa kwo.
- 11 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ekitala kya kabaka w'e Babulooni kirituuka ku ggwe.
- 12 Ndigwisa olufulube lwo n'ebitala eby'ab'amaanyi; bonna ba ntiisa ba mu mawanga: era balinyaga amalala ga Misiri, n'olufulube lwayo lwonna lulizikirizibwa.
- 13 Ndizikiriza ensolo zaayo zonna okuva awali amazzi amangi; so n'ekigere ky'abantu tekirigatabangula nate, so n'ebinuulo eby'ensolo tebirigatabangula.
- 14 Kale ne ndyoka ntangaaliza amazzi gaabwe, ne nkulukusa emigga gyabwe ng'amafuta, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 15 Bwe ndirekesaawo ensi y'e Misiri ne ngizisa, ensi eteriimu ebyo bye yajjulanga, bwe ndifumita abo bonna abalimu, kale ne balyoka bamanya nga nze Mukama.
- 16 Kuno kwe kukungubaga kwe balikungubaga; abawala ab'amawanga balikungubaga bwe batyo: balikungubagira Misiri n'olufulube lwamu lwonna bwe batyo, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 17 Era olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi n'ettaano ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 18 Omwana w'omuntu, kubira ebiwoobe olufulube lwa Misiri, obasuule wansi, ye n'abawala ab'amawanga agaayatiikirira, mu njuyi ez'ensi eza wansi, wamu n'abo abakka mu bunnya.
- 19 Osinga ani obulungi? serengeta oteekebwe wamu n'abatali bakomole:
- 20 Baligwa wakati mu abo abattibwa n'ekitala: aweereddwayo eri ekitala: muggyee wo n'olufulube lwe lwonna.
- 21 Ab'amaanyi ab'obuyinza balyogera naye nga bayima wakati, mu magombe wamu n'abo abamuyamba: baserengese, bagalamidde, basirise, abatali bakomole abattibwa n'ekitala.
- 22 Asuli ali eyo n'ekibiina kye kyonna; amalaalo ge gamwetoolodde: bonna battiddwa, bagudde n'ekitala:
- 23 amalaalo gaabwe gatekebwa mu njuyi ez'obunnya ezikomererayo, n'ekibiina kye kyetoolodde amalaalo ge: bonna batiddwa, bagudde n'ekitala, abaaleetanga entiisa mu nsi ey'abalumu.
- 24 Eriyo Eramu n'olufulube lwe lwonna nga beetoolodde amalaalo ge: bonna battiddwa, bagudde n'ekitala, abasse nga si bakomole mu njuyi ez'ensi eza wansi, abaaleetanga entiisa yaabwe mu nsi ey'abalumu, ne babaako ensonyi zaabwe wamu n'abo abakka mu bunnya.
- 25 Bamusimbidde ekitanda wakati mu abo abattiddwa wamu n'olufulube lwe lwonna amalaalo ge gamwetoolodde: bantu si bakomole, abattiddwa n'ekitala kubanga entiisa yaabwe yaleetebwa nga mu nsi ey'abalumu, ne babaako ensonyi zaabwe wamu n'abo abakka mu bunnya: ateeddwa wakati mu abo abattiddwa.
- 26 Eriyo Meseki; Tubali, n'olufulube lwe lwonna amalaalo ge gamwetoolodde: bonna abatali bakomole, abattiddwa n'ekitala; kubanga baaleetanga entiisa yaabwe mu nsi ey'abalumu.

- 27 So tebaligalamira wamu n'ab'amaanyi abagudde ku batali bakomole, abasse mu magombe nga balina ebyokulwanyisa byabwe n'ebitala byabwe nga biteekeddwa ku mitwe gyabwe, n'obutali butuukirivu bwabwe buli ku magumba gaabwe; kubanga baabanga ntiisa eri ab'amaanyi mu nsi ey'abalamu.
- 28 Naye olimenyekera wakati mu batali bakomole, era oligalamira wamu n'abo abattiddwa n'ekitala.
- 29 Eriyo Edomu, bakabaka be n'abakungu be, abateekeddwa mu maanyi gaabwe awamu n'abo abattiddwa n'ekitala: baligalamira n'abatali bakomole n'abo abakka mu bunnya.
- 30 Eriyo abalangira ab'obukiika obwa kkono, bonna, n'Abasidoni bonna, abasse n'abo abattiddwa; newakubadde nga baaleeta entiisa olw'amaanyi gaabwe, bakwatiddwa ensonyi; era bagalamidde nga si bakomole wamu n'abo abattiddwa n'ekitala, ne babaako ensonyi zaabwe wamu n'abo abakka mu bunnya.
- 31 Falaawo alibalaba, n'asanyusibwa olw'olufulube lwe lwonna: Falaawo n'eggye lye lyonna abattiddwa n'ekitala, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 32 Kubanga ntadde entiisa ye mu nsi ey'abalamu: era aliteekedwa wakati mu batali bakomole wamu n'abo abattiddwa n'ekitala, ye Falaawo n'olufulube lwe lwonna, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 33

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, yogera n'abaana b'abantu bo obagambe nti Bwe ndeetanga ekitala ku nsi, abantu ab'omu nsi bwe baggyanga omusajja wakati mu bo ne bamuteekawo okuba omukuumi waabwe:
- 3 bw'alaba ekitala nga kijja ku nsi, oba nga afuuwa ekkondeere n'alabula abantu;
- 4 kale buli awulira okuvuga kw'ekondeere n'atalabuka, ekitala bwe kijja ne kimuggyawo, kale omusaayi gwe gunaabanga ku mutwe gwe ye.
- 5 Awulidde okuvuga kw'ekondeere n'atalabuka; omusaayi gwe gunaabanga ku ye: naye singa alabuse yandiwoyeyza emmeeme ye.
- 6 Naye omukuumi bw'alabanga ekitala nga kijja, n'atafuwa kkondeere, abantu ne batalabulwa, ekitala ne kijja, ne kiggya mu bo omuntu yenna; kale ng'aggiddwawo mu butali butuukirivu bwe, naye omusaayi gwe ndiguvunaana mu mukono gw'omukuumi.
- 7 Naawe bw'otyo, omwana w'omuntu, nkutaddewo okuba omukuumi eri ennyumba ya Isiraeri; kale, owuliranga ekigambo eri akamwa kange, obawenga okulabula okuva gye ndi:
- 8 Bwe ambanga omubi nti Ai omubi, tolirema kufa, n'otoyogera kulabula omubi okuva mu kkubo lye; omuntu oyo omubi alifira mu butali butuukirivu bwe, naye omusaayi gwe ndiguvunaana mu mukono gwo.
- 9 Era naye bw'olabulanga omubi ekkubo lye okukyuka okulivaamu, n'atakyuka okuva mu kkubo lye; alifira mu butali butuukirivu bwe, naye ggwe ng'owonyeyza emmeeme yo.
- 10 Naawe, omwana w'omuntu, gamba ennyumba ya Isiraeri nti Mwogera bwe muti nti Okusobya kwaffe n'okwonoona kwaffe kuli ku ffe, era tuyongerera mu kwo; kale twandibadde tuya abalamu?
- 11 Bagambe nti Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, sirina ssanyu lye nsanyukira okufa kw'omubi: wabula omubi akyuke ave mu kkubo lye abeere omulamu: mukyuke, mukyuke okuva mu makubo gammwe amabi; kubanga mwagalira ki okufa, ai ennyumba ya Isiraeri?

- 12 Naawe, omwana w'omuntu, gamba abaana b'abantu bo nti Obutuukirivu obw'omutuukirivu tebulimuwonyeza ku lunaku olw'okusobya kwe; n'obubi obw'omubi tebulimugwisa ku lunaku lw'akyuka okuleka obubi bwe: so n'oyo alina obutuukirivu taliyinda kuba mulamu olw'obwo ku lunaku lw'ayonoona.
- 13 Bwe amba omutuukirivu nga talirema kuba mulamu; bw'aneesiganga obutuukirivu bwe, n'akola obutali butuukirivu, tewaliba ku bikolwa bye eby'obutuukirivu ebiri-jjukirwa; naye mu butali butuukirivu bwe bw'akoze omwo mw'alifiira.
- 14 Nate bwe amba omubi nti Tolirema kufa; bw'anaakyukanga okuleka okwonoona kwe n'akola ebyo ebyalagirwa eby'ensonga;
- 15 omubi bw'azzangayo omusingo, n'akomyawo ekyo kye yanyaga, n'atambulira mu mateeka ag'obulamu, nga taliiko butali, butuukirivu bw'akola; talirema kuba mulamu, talifa.
- 16 Tewaliba ku bibi bye bye yakola ebiriujukirwa eri ye: akoze ebyo ebyalagirwa eby'ensonga; talirema kuba mulamu.
- 17 Era naye abaana b'abantu bo boogera nti Ekkubo lya Mukama teryenkanankana: naye bo ekkubo lyabwe lye litenkanankana.
- 18 Omutuukirivu bw'akyukanga okuleka obutuukirivu bwe n'akola obutali butuukirivu, n'okufa alifiira omwo.
- 19 Era omubi bw'akyukanga okuleka obubi bwe n'akola ebyo ebyalagirwa eby'ensonga, aliba mulamu olw'ebyo.
- 20 Era naye mwogera nti Ekkubo lya Mukama teryenkanankana. Ai ennyumba ya Isiraeri, ndibasalira omusango buli muntu ng'amakubo ge bwe gali.
- 21 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'ekkumi n'ebiri ogw'okusibibwa kwaffe, mu mwezi ogw'ekkumi ku lunaku olw'omwezi olw'okutaano omu eyali awonye mu Yerusaalemi n'ajja gye ndi ng'ayogera nti Ekibuga kikubiddwa.
- 22 Awo omukono gwa Mukama gwali nga gubadde ku nze akawungeezi, ye awonye nga tannajja; era yali ayasamizza akamwa kange okutuusa lwe yajja gye ndi enkya; akamwa kange ne kayasama, ne ssiba kasiru nate.
- 23 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 24 Omwana w'omuntu, abo abali mu bifo ebyo ebyazika eby'omu nsi ya Isiraeri boogera nti Ibulayimu yali omu, naye n'asikira ensi: naye ffe tuli bangi; ensi etuweereddwa okuba obusika.
- 25 Kale obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Mulya ekirimu omusaayi, ne muyimusa amaaso gammwe eri ebifaananyi byammwe ne muyiwa omusaayi, era mulirya ensi?
- 26 Muyima ku kitala kyammwe, mukola eby'emizizo, ne mwonoona buli muntu mukazi wa munne: era mulirya ensi?
- 27 Bw'oti bw'oba obagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Nga bwe ndi omulamu, mazima abo abali mu bifo ebyazika baligwa n'ekitala, n'oyo ali mu ttale ebweru ndimuwaayo eri ensolo okuliibwa, n'abo abali mu bigo ne mu mpuku balifa kawumpuli.
- 28 Era ndifuula ensi okuba amatongo n'ekyewuunyo, n'amalala ag'obuyima bwayo galikoma; n'ensozi za Isiraeri zirirekebawo, omuntu yenna aleme okuyitamu.
- 29 Kale ne balyoka bamanya nga nze Mukama, bwe ndiba nga nfudde ensi okuba amatongo n'ekyewuunyo olw'emizizo gyabwe gyonna gye bakoze.
- 30 Naawe, omwana w'omuntu, abaana b'abantu bo bakwogerako awali ebisaakaate ne mu miryango egy'ennyumba, ne bagambagana, buli muntu ng'agamba muganda we nti Mujje, mbeegayiridde, muwulire ekigambo ekivudde eri Mukama.
- 31 Ne bajja gy'oli ng'abantu bwe bajja, ne batuula mu maaso go ng'abantu bange ne bawulira ebigambo byange naye ne batabikola: kubanga boolesa okwagala kungi

n'akamwa kaabwe, naye omutima gwabwe gugoberera amagoba gaabwe.

- 32 Era, laba, oli gye bali ng'oluyimba olulungi ennyo olw'omuntu alina eddoboosi erisanyusa ennyo, era amanyi okukuba obulungi ennanga: kubanga bawulira ebigambo byo, naye ne batabikola.
- 33 Awo ebyo bwe birituukirira (laba, bijja), kale ne balyoka bamanya nga nnabbi abadde mu bo.

Essuula 34

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, balagulireko abasumba ba Isiraeri, olagule obagambe, ogambe abasumba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Zibasanze abasumba ba Isiraeri abeerisa bokka! abasumba tebandiisizza ndiga?
- 3 Mulya masavu, ne mwambala ebyoya, ne mutta ebya ssava; naye ne mutaliisa ndiga.
- 4 Eteyinda temugissangamu maanyi; so temuwonyanga erwadde, so temusibanga emenyese, so temukomyangawo egobeddwa, so temunoonyanga ebuze; naye mwazifuganga n'amaanyi n'amawaggali.
- 5 Ne zisaasaana olw'obutabaawo musumba: ne ziba kya kulya era ensolo zonna ez'omu nsiko ne zisaasaana.
- 6 Endiga zange zaabulubutira ku nsozi zonna ne ku buli kasozi akawanvu: weewaawo, endiga zange zaasaasaanira ku maaso g'ensi yonna; so tewali eyazinoonya newakubadde okuzibuuliriza.
- 7 Kale, mmwe abasumba, muwulire ekigambo kya Mukama:
- 8 Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, mazima kubanga endiga zange zaafuuka muyiggo, era endiga zange zaafuuka kya kulya eri ensolo zonna ez'omu nsiko olw'obutabaawo musumba, so n'abasumba bange tebanooonya ndiga zange, naye abasumba ne beeriisa bokka ne bataliisa ndiga zange;
- 9 kale, mmwe abasumba, muwulire ekigambo kya Mukama;
- 10 bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabe wa basumba; era ndivunaana endiga zange mu mukono gwabwe, ne mbalekesaayo okuliisa endiga; so n'abasumba tebalyeriisa bokka nate; era ndiwonya endiga zange mu kamwa kaabwe zireme okuba ekyokulya eri bo.
- 11 Kubanga Mukama Katonda bw'ayogera bw'ati nti Laba, nze mwene, nze ndinoonya endiga zange, ne nzibuuliriza.
- 12 Ng'omusumba bw'abuuliriza ekisibo kye ku lunaku lw'abeera mu ndiga ze ezisaasaanye, bwe ntyo bwe ndibuuliriza endiga zange; era ndiziwonya mu bifo byonna gye zaasaasaanira ku lunaku olw'ebire olw'ekizikiza.
- 13 Era ndiziggya mu mawanga, ne nzikuaanya okuziggya mu nsi nnyingi, ne nzireeta mu nsi yaazo zo; era ndiziriisiza ku nsozi za Isiraeri ku lubalama lw'ensalosalalo z'amazzi ne mu bifo byonna ebibeerwamu eby'ensi.
- 14 Ndiziriisa omuddo omulungi, era ku nsozi ez'entikko ya Isiraeri kwe kuliba ekisibo kyabwe: eyo gye zirigalamira mu kisibo ekirungi, ne ziriira omuddo omugimu ku nsozi za Isiraeri.
- 15 Nze mwene ndiriisa endiga zange ne nzigalamiza, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 16 Ndinoonya ekyo ekibuze ne nkomyawo ekyo ekigobeddwa ne nsiba ekimenyese ne nzisaamu amaanyi mu ekyo ekirwadde: n'ebya ssava n'eby'amaanyi ndibizikiriza; ndibiriisa n'omusango.
- 17 Nammwe, ekisibo kyange, bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, nsala omusango ogw'ensolo n'ensolo, ogw'endiga ennume era n'embuzi ennume.
- 18 Mukiyita kigambo kitono nga mwalya omuddo omulungi, naye ne kibagwanira

okulinnyirira n'ebigere byammwe omuddo gwammwe ogwafikkawo? era nga mwanywa amazzi amateefu, naye ne kibagwanira okutabangula n'ebigere byammwe agafisseewo?

- 19 N'endiga zange zirya ebyo bye mulinnyiridde n'ebigere byammwe, ne zinywa ago ge mutabangudde n'ebigere byammwe.
- 20 Mukama Katonda kyava abagamba bw'ati nti Laba, nze, nze mwene, ndisala omusango ogw'ensolo eza ssava n'ogw'ensolo enkovvu.
- 21 Kubanga musindisa embiriizi n'ebibegabega, ne mutomeza ezirwadde zonna amayembe gammwe okutuusa lwe muzisaasaanyiza ddala;
- 22 kyendiva mponya ekisibo kyange, so teziriba nate muyiggo; nange ndisala omusango ogw'ensolo n'ensolo.
- 23 Era ndissaawo ku zo omusumba omu, naye alizirunda, omuddu wange Dawudi; ye alizirunda, era ye aliba omusumba waazo.
- 24 Nange Mukama ndiba Katonda waabwe, n'omuddu wange Dawudi aliba mulangira mu bo; nze Mukama nkyogedde.
- 25 Era ndiragaana nabo endagaano ey'emirembe, era ndikomya mu nsi ensolo embi: kale balituula mu ddungu nga tebaliiko kye batya, ne beebakira mu bibira.
- 26 Era ndibafuula omukisa n'ebifo ebyetoolodde olusozi lwange; era nditonnyesa oluwandaggirize mu ntuuko zaalwo; walibaawo empandaggirize ez'omukisa.
- 27 N'omuti ogw'omu ttale gulibala ebibala byagwo, n'ettaka lirireeta ekyengera kyalyo, nabo baliba mu nsi yaabwe nga tebaliiko kye batya; kale balimanya nga nze Mukama, bwe ndiba nga mmaze okumenya ebisiba eby'ekikoligo kyabwe, era nga mbawonnyezza mu mukono gw'abo abaabafuula abaddu.
- 28 So tebaliba muyiggo nate eri ab'amawanga, so n'ensolo ey'omu nsi teribalya; naye balituula nga tebaliiko kye batya so tewaliba alibatiisa.
- 29 Era ndibayimusiza olusuku olw'okwatiikirira, so tebalimalibwawo nate n'enjala mu nsi, so tebalibaako nsonyi za b'amawanga nate.
- 30 Kale balimanya nga nze Mukama Katonda waabwe ndi wamu nabo, era nga bo, ennyumba ya Isiraeri, be bantu bange, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 31 Nammwe, endiga zange, endiga ez'omu ddundiro lyange, muli bantu, nange ndi Katonda wammwe, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 35

- 1 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu; simba amaaso go okwolekera olusozi Seyiri; olulagulireko
- 3 olugambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabe wo, ai olusozi Seyiri; era ndikugololerako omukono gwange, era ndikufuula okuba amatongo n'ekyewuunyo.
- 4 Ndizisa ebibuga byo, naawe oliba matongo; kale olimanya nga nze Mukama.
- 5 Kubanga wabanga n'obulabe obutaggwaawo, n'owaayo abaana ba Isiraeri eri obuyinza obw'ekitala mu biro mwe baalabira ennaku, mu biro eby'obutali butuukirivu obw'enkomerero:
- 6 kale, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, kyendiva nkuteekerateek- era omusaayi, n'omusaayi gulikucocca: kubanga tewakyawa musaayi, amusaayi kyeguliva gukucocca.
- 7 Bwe ntyo ndifuula olusozi Seyiri okuba ekyewuunyo n'amatongo; era ndimalawo okwo oyo ayitamu n'oyo akomawo.
- 8 Era ndijjuza ensozi zaayo abaayo abattibwa: abattibwa n'ekitala baligwa ku nsozi zo ne mu biwonvu byo ne mu nsalosalu zo zonna ez'amazzi.

- 9 Ndifukuula amatongo agataliggwaawo, so n'ebibuga byo tebirituulwamu: kale mulimanya nga nze Mukama.
- 10 Kubanga wayogera nti Amawanga gano gombi n'ensi zino zombi biriba byange, naffe tuligirya; naye Mukama yali eyo:
- 11 kale, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama Katonda, ndikola ng'obusungu bwo bwe buli era ng'obuggya bwo bwe buli bwe walaga okuva mu kukyawa kwe wabakyawa; era ndyemanyisa mu bo, bwe ndikusalira omusango.
- 12 Kale olimanya nga nze Mukama mpulidde okuvvoola kwo kwonna kwe wavvoola eri ensozi za Isiraeri, ng'oyogera nti Zirekeddwawo, ziweereddwa ffe okuzirya.
- 13 Era mwanneegulumirizaako n'akamwa kammwe, era munnyongeddeko ebigambo byammwe: nze mpulidde.
- 14 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ettaka lyonna bwe lirisanyuka, ndikufuula ggwe amatongo.
- 15 Nga bwe wasanyukira obusika obw'ennyumba ya Isiraeri kubanga bwafuulwa amatongo, bwe ntyo bwe ndikukola ggwe: oliba nga ofuuliddwa amatongo, si olusozi Seyiri ne Edomu yonna, yonna bwe yenkana: kale balimanya nga nze Mukama.

Essuula 36

- 1 Naawe, omwana w'omuntu, lagula ensozi za Isiraeri oyogere nti Mmwe ensozi za Isiraeri, muwulire ekigambo kya Mukama.
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga omulabe aboogeddeko nti Nyeenya! era nti Ebifo ebigulumivu eby'edda byaffe, tubiridde:
- 3 kale lagula oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga, kubanga babalekesezzaawo, era babalidde enjuyi zonna, amawanga agafisseewo gabalye, era musituliddwa mu mimwa gy'aboogezi ne mu bigambo ebibi eby'abantu:
- 4 kale, mmwe ensozi za Isiraeri, muwulire ekigambo kya Mukama Katonda; bw'ati Mukama Katonda bw'agamba ensozi n'obusozi, ensalosalo n'ebiwonvu, amatongo agaazika n'ebibuga ebyalekebwawo, ebifuuse omuyiggo n'eky'okusekererwa eri amawanga agafisseewo ageetoolodde:
- 5 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Mazima njogeredde mu muliro ogw'obuggya bwange eri amawanga agafisseewo n'eri Edomu yonna abeeteekeddewo ensi yange okugirya, omutima gwabwe gwonna nga gusanyuse, emmeeme yaabwe ng'eriko ekyejo, okugisuula okuba omuyiggo:
- 6 kale lagula eby'ensi ya Isiraeri ogambe ensozi n'obusozi, ensalosalo n'ebiwonvu, nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, njogezezza obuggya bwange n'ekiruyi kyange, kubanga mwabangako ensanyi ez'ab'amawanga:
- 7 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Nnyimusizza omukono gwange nga njogera nti Mazima ab'amawanga agabeetoolodde abo be balibaako ensanyi zaabwe.
- 8 Naye mmwe, ai ensozi za Isiraeri, mulisuula amatabi gammwe, ne mubalira abantu bange Isiraeri ebibala byammwe; kubanga banaatera okujja. Kubanga, laba, nze ndi ku lwammwe, era ndikyukira gye muli, nammwe mulirimibwa, mulisigibwa:
- 9 Kubanga, laba, nze ndi ku lwammwe, era ndikyukira gye muli, nammwe mulirimibwa, mulisigibwa:
- 10 era ndyaliza abantu ku mmwe, ennyumba yonna eya Isiraeri, yonna bwe yenkana n'ebibuga birituulwamu n'amatongo galizimbibwa:
- 11 era ndyaza ku mmwe abantu n'ensolo; era balyeyongerera, balizaala: era ndibawa okutuulwako, nga mumaze okuba bwe mutyo, era ndibakola bulungi okusinga bwe nnakola mu kusooka kwammwe: kale mulimanya nga nze Mukama.
- 12 Weewaawo, nditambuliza ku mmwe abantu, abantu bange Isiraeri; era balikulya,

naawe oliba busika bwabwe, so tolibafiiriza nate abaana okuva leero.

- 13 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kubanga babagamba nti Ggwe ensi, oli muli wa bantu, era waliisizanga eggwanga lyo;
- 14 kyoliva olema okulya abantu nate, so tolifiisiza nate eggwanga lyo, bw'ayogera Mukama Katonda;
- 15 so sirikuganya nate okuwulira ensonyi z'ab'amawanga, so tolibaako nate kuvumibwa kwa bantu, so tolyesittaza nate ggwanga lyo, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 16 Era nate ekigambo kya Mukama ne kinjijira nga kyogera nti
- 17 Omwana w'omuntu, ennyu mba ya Isiraeri bwe baatuulanga mu nsi yaabwe, baagyonoona olw'ekkubo lyabwe n'olw'ebikolwa byabwe: ekkubo lyabwe mu maaso gange lyabanga ng'obutali bulongoofu bwa mukazi mu kweyawula kwe.
- 18 Kyennava mbafukako ekiruyi kyange, olw'omusaayi bo gwe baali bafuse ku nsi, era kubanga baali bagyonoonye n'ebifaananyi byabwe:
- 19 ne mbasaasaanyiza mu mawanga ne bataataaganira mu nsi nnyingi: nnabasalira omusango ng'ekkubo lyabwe bwe lyali era ng'ebikolwa byabwe bwe byali.
- 20 Awo bwe baatuuka mu mawanga gye baagenda, ne bavumisa erinnya lyange ettukuvu; kubanga abantu baaboogerangako nti Bano bantu ba Mukama, era bavudde mu nsi ye.
- 21 Naye ne nsaasira erinnya lyange ettukuvu ennyumba ya Isiraeri lye baali bavumisizza mu mawanga gye baagenda.
- 22 Kale gamba ennyumba ya Isiraeri nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Sikola kino ku lwammwe, ai ennyumba ya Isiraeri, naye ku lw'erinnya lyange ettukuvu lye muvumisizza mu mawanga gye mwagenda.
- 23 Era nditukuza erinnya lyange ekkulu eryavumisibwa mu mawanga, mmwe lye muvumisizza wakati mu go; kale amawanga galimanya nga nze Mukama, bw'ayogera Mukama Katonda, bwe nditukuzibwa mu mmwe mu maaso gaabwe.
- 24 Kubanga ndibaggya mu mawanga, ne mbakuaanya okubaggya mu nsi zonna, ne mbayingiza mu nsi yammwe mmwe.
- 25 Era ndibamansirako amazzi amalungi, era muliba balongoofu: ndibalongoosa mu mpitambi yammwe yonna ne mu bifaananyi byammwe byonna.
- 26 Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe: era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama.
- 27 Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange ne mugikola.
- 28 Awo munaabeeranga mu nsi gye nnawa bajajjammwe; nammwe munaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda wammwe.
- 29 Era ndibawonya mu butali bulongoofu bwammwe bwonna: era ndiyita eaano, ne ngyaza, so siribaleetako njala.
- 30 Era ndyaza ebibala eby'emitu, n'ekyengera eky'omu nnimiro, mulemenga okuweebwa nate ekivume eky'enjala mu mawanga.
- 31 Kale ne mulyoka mujjukira amakubo gammwe amabi n'ebikolwa byammwe ebitali birungi; kale mulyetamwa mu maaso gammwe mmwe olw'obutali butuukirivu bwammwe n'olw'emizizo gyammwe.
- 32 Sikola kino ku lwammwe, bw'ayogera Mukama Katonda, mukimanye: mukwatirwe ensonyi amakubo gammwe, muswale, ai ennyumba ya Isiraeri.
- 33 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ku lunaku lwe ndibanaalizaako obutali butuukirivu bwammwe bwonna, ndituuza abantu mu bibuga, n'amatongo galizimibwa
- 34 N'ensi eyalekebwangawo eririmibwa, naye yabanga nsiko mu maaso g'abo bonna abayitawo.

- 35** Kale balyogera nti Ensi eno eyalekebwangawo efuuse ng'olusuku Adeni; n'ebibuga ebyazika ebyalekebawo ebyagwa bikoleddwako enkomera, abantu ne babituulamu.
- 36** Kale amawanga agasigadde okubeetooloola ne galyoka gamanya nga nze Mukama nzimbye ebifo ebyagwa ne nsimba ekyo ekyalekebawo: nze Mukama nkyogedde, nange ndikikola.
- 37** Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Era ajagala ennyumba ya Isiraeri okumbuuzanga ekyo okukibakolera; ndibongerako abantu ng'ekisibo.
- 38** Ng'ekisibo ekyo ssaddaaka, ng'ekisibo ekyo Yerusalemi mu mbaga zaakyo ezaalagirwa; ebibuga ebyazika bwe birijjula bwe bityo ebisibo eby'abaatu: kale balimanya nga nze Mukama.

Essuula 37

- 1** Omukono gwa Mukama gwali ku nze, n'antwala n'anfulumiza mu mwoyo gwa Mukama, n'anzisa wakati mu kiwonvu; kale nga kijjudde amagumba;
- 2** n'agampisaako okugeetooloola: kale, laba, nga mangi nnyo mu kiwonvu mu bbanga; era, laba, makalu nnyo.
- 3** N'aamba nti Omwana w'omuntu, amagumba gano gayinza okuba amalamu? Ne nziramu nti Ai Mukama Katonda, ggwe omanyi.
- 4** N'aamba nate nti Lagulira ku magumba gano ogagambe nti Ai mmwe amagumba amakalu, muwulire ekigambo kya Mukama.
- 5** Bw'ati Mukama Katonda bw'agamba amagumba gano nti Laba, ndiyingiza omukka mu mmwe; kale muliba balamu:
- 6** Era ndibateekako ebinywa, era ndireeta ennyama ku mmwe, ne mbabikkako eddiba, ne mbateekamu omukka, kale mulimanya nga nze Mukama.
- 7** Awo ne ndagula nga bwe nnalagirwa: awo bwe nnali nga ndagula, ne wabaawo eddoozi, era, laba, ekikankano ky'ensi, amagumba ne geegatta buli ggumba n'eggumba linnaalyo.
- 8** Awo ne ntunula, era, laba, nga kuliko ebinywa, omubiri ne gujja, eddiba ne ligabikkako waggulu: naye nga temuli mukka mu go.
- 9** Awo n'aamba nti Lagula empewo, lagula, omwana w'omuntu, ogambe empewo nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti jjangu okuva eri empewo ennya, ai omukka, ofuuwe ku bano abattibwa, babeere abalamu.
- 10** Awo ne ndagula nga bwe yandagira, omukka ne gubayingira, ne babeera balamu, ne bayimirira ku bigere byabwe, eggwe lingi nnyo.
- 11** Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, amagumba gano ye nnyumba yonna eya Isiraeri: laba, boogera nti Amagumba gaffe gakaze, n'essuubi lyafe libuze; tumaliddwawo ddala.
- 12** Kale lagula obagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndyasamya amalaalo gammwe, ne mbalinnyisa okuva mu malaalo gammwe, ai abantu bange: era ndibayingiza mu nsi ya Isiraeri.
- 13** Kale mulimanya nga nze Mukama, bwe ndiba nga njasamizza amalaalo gammwe, ne mbalinnyisa okuva mu malaalo gammwe, ai abantu bange.
- 14** Era nditeeka omwoyo gwange mu mmwe, era muliba balamu, era ndibateeka mu nsi yammwe mmwe: kale mulimanya nga aze Mukama nkyogedde, era n'okutuukiriza ne nkituukiriza, bw'ayogera Mukama.
- 15** Ekigambo kya Mukama ne kinjjira nate nga kyogera
- 16** Naawe, omwana w'omuntu, ddira omuggo gumu, oguwandiikeko nti Gwa Yuda, era gwa baana ba Isiraeri banne: olyokke oddire omuggo omulala oguwandiikeko nti Gwa Yusufu, omuggo gwa Efulayimu, era gwa nnyumba yonna eya Isiraeri banne:

- 17 kale ogyegattire gyombi okuba omuggo ogumu, gibeere ogumu mu mukono gwo.
- 18 Awo abaana b'abantu bo bwe balyogera naawe nga bagamba nti Tootunnyonyole makulu bwe gali g'oleeta na gino?
- 19 n'obagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndiddira omuggo gwa Yusufu, oguli mu mukono gwa Efulayimu, n'ebika bya Isiraeri banne; era ndibateeka wamu nagwo, wamu n'omuggo gwa Yuda, ne mbafuula omuggo gumu, kale ne baba gumu mu mukono gwange.
- 20 N'emiggo gy'owandiikako giriba mu mukono gwo mu maaso gaabwe.
- 21 N'obagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndiggya abaana ba Isiraeri wakati mu mawanga, gye baagenda, ne mbakuaanyiza enjuyi zonna, ne mbaleeta mu nsi yaabwe bo:
- 22 kale ndibafuula eggwanga erimu mu nsi ku nsozi za Isiraeri; era kabaka omu ye aliba kabaka waabwe bonna: so tebalyawulibwa nate okuba obwakabaka bubiri n'akatono:
- 23 so tebalyeyoonona nate n'ebifaananyi byabwe newakubadde n'ebintu byabwe eby'emizizo newakubadde n'okusobya kwabwe kwonna: naye ndibalokola okuva mu nnyumba zaabwe zonna, mwe baakoleranga ebibi, ne mbalongoosa: kale bwe batyo banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe.
- 24 N'omuddu wange Dawudi ye aliba kabaka waabwe; era bonna baliba n'omusumba omu: era n'okutambuba balitambulira mu misango gyange ne bakwata amateeka gange ne bagakola.
- 25 Era balibeera mu nsi gye nnawa Yakobo omuddu wange bajjajammwe mwe baabeera kale balibeera omwo, bo n'abaana baabwe n'abaana b'abaana baabwe emirembe gyonna: era Dawudi omuddu wange ye anaabanga omulangira waabwe emirembe gyonna.
- 26 Era nate ndiragaana nabo endagaano ey'emirembe, eneebanga ndagaano eteriggwaawo gye bali: era ndibateekawo ne mbaaza, era nditeeka awatukuvu wange wakati mu bo emirembe gyonna.
- 27 Era n'eweema yange eneebanga nabo: nange naabanga Katonda waabwe, nabo banaabanga bantu bange.
- 28 Kale amawanga galimanya nga nze Mukama atukuza Isiraeri, awatukuvu wange bwe wanaabeeranga wakati mu bo emirembe gyonna.

Essuula 38

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kinjjira nga kyogera nti
- 2 Omwana w'omuntu, simba amaaso go okwolekera Googi ow'omu nsi ya Magoogi, omulangira wa Loosi, Meseke, ne Tubali, omulagulireko
- 3 oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabe wo, ai Googi, omulangira wa Loosi, Meseke, ne Tubali:
- 4 era ndikuzzaayo, ne nteeka amalobo mu mba zo, era ndikufulumya n'eggye yo lyonna, embalaasi n'abasajja abeebagadde embalaasi, bonna nga bambadde ebyokulwanyisa ebyatuukirira, ekibiina ekinene, nga balina obugabo n'engabo, bonna nga bakutte ebitala:
- 5 Obuperusi, Kuusi, ne Puti nga bali nabo; bonna nga balina engabo n'enkuffiira:
- 6 Gomeri n'eggye lye lyonna; ennyumba ya Togaluma, mu njuyi ez'ensi ezikomererayo; n'eggye lye lyonna: amawanga mangi nga gali naawe.
- 7 Beera nga weeteeseteese, weewaawo, weetegeke, ggwe n'ebibiina byo byonna abakuaanidde gy'oli, obeere omugabe gye bali.
- 8 Ennaku nnyingi nga ziyiseewo olijjirwa: mu myaka egy'enkomerero oliireetebwa mu nsi ekomezebawo okugiggya nu kitala, ekuaanyizibwa okuva mu mawanga amangi,

ku nsozi za Isiraeri, ezaabanga ensiko etevaawo: naye eggibwa mu mawanga, era balituula nga tebaliiko kye batya, bonna.

- 9 Kale olyambuka olijja nga kibuyaga, oliba ng'ekire okubikka ku nsi, ggwe n'eggye lyo lyonna n'amawanga mangi nga gali naawe.
- 10 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Olulituuka ku lunaku olwo ebigambo birijja mu mwoyo gwo, era olisala olukwe olubi:
- 11 kale olyogera nti Ndyambuka mu nsi ey'ebyalo ebitaliiko nkomera; ndigenda eri abo abeegolodde, abatuula nga tebaliiko kye batya, bonna nga babeerera awo awatali babbugwe so nga tebalina bisiba newakubadde enzigi:
- 12 okunyaga omunyago n'okunyaga omuyiggo; okukyusiza omukono gwo ku bifo eby'ensiko ebituulwamu kaakano, n'abantu abakuaanyizibwa okuva mu mawanga, abafunye ebisibo n'ebintu, ababeera wakati w'ensi zonna.
- 13 Seeba ne Dedani n'abasuubuzi ab'e Talusiisi, wamu n'empologoma ento zaayo zonna, balikugamba nti Ozze kunyaga munyago? okuaanyizza ekibiina kyo kunyaga muyiggo? okutwalira ddala effeeza n'ezaabu, okutwalira ddala ensolo n'ebintu, okunyaga omunyago mungi?
- 14 Kale, omwana w'omuntu, lagula ogambe Googi nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ku lunaku olwo abantu bange Isiraeri lwe balituula nga tebaliiko kye batya, tolikimanya?
- 15 Kale olijja ng'ova mu kifo kyo mu njuyi ez'obukiika obwa kkono ezikomererayo, ggwe n'amawanga mangi wamu naawe, bonna nga beebagadde embalaasi, ekibiina kinene, era eggye ddene:
- 16 era olitabaala abantu bange Isiraeri, ng'ekire okubikka ku nsi; olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma ndikutabaaza ensi yange, amawanga gakumanye, bwe nditukuzibwa mu ggwe, ai Googi, mu maaso gaabwe.
- 17 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ggwe wuuyo gwe nnayogererako edda mu baddu bange bannabbi ba Isiraeri, abaalaguliranga emyaka emingi mu nnaku ezo nga ndikusindika okubatabaala bo?
- 18 Awo olulituuka ku lunaku olwo Googi bw'alitabaala ensi ya Isiraeri, bw'ayogera Mukama Katonda, ekiruyi kyange kiririnnya mu nnyindo zange.
- 19 Kubanga njogezezza obuggya bwange n'omuliro ogw'obusungu bwange nti Mazima ku lunaku olwo mu nsi ya Isiraeri mulibaamu okukankana okunene;
- 20 ebyennyanja ebiri mu nnyanja, n'ennyonyi ez'omu bbanga, n'ensolo ez'omu nsiko, n'ebintu byonna, ebyewalula ebyewalula ku ttaka, n'abantu bonna abali ku maaso g'ensi n'okukankana balikankanira okujja kwange, n'ensozi zirisuulibwa, n'amabanga galigwa, na buli bbugwe aligwa wansi.
- 21 Awo ensozi zange zonna ndiziyitira ekitala okumulwanyisa, bw'ayogera Mukama Katonda: ekitala kya buli muntu kirirwana ne muganda we.
- 22 Era ndiwoza naye ne kawumpuli n'omusaayi; era ndimutonnyesaako ne ku ggye lye ne ku mawanga amangi agali naye oluwandaggirize olwanjaala n'amayinja amanene ag'omuzira n'omuliro n'ekibiriiti.
- 23 Era ndyegulumiza ne nneetukuza, era ndyemanyisa mu maaso g'amawanga amangi; kale balimanya nga nze Mukama.

Essuula 39

- 1 Naawe, omwana w'omuntu, mulagulireko Googi oyogere nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabe wo, ai Googi, omulangira wa Loosi, Meseki, ne Tubali:
- 2 era ndikuzzaayo, ne nkutwala mu maaso ne nkulinnyisa okuva mu njuyi ez'obukiika

obwa kkono ezikomererayo; ne nkutuusa ku nsozi za Isiraeri:

- 3 era ndikuba omutego gwo ne nguggya mu mukono gwo ogwa kkono, ne ngwisa obusaale bwo mu mukono gwo ogwa ddyo.
- 4 Oligwa ku nsozi za Isiraeri, ggwe n'eggye lyo lyonna n'amawanga agali naawe: ndikuwaayo eri ennyonyi ez'amaddu ez'engeri zonna n'eri ensolo ez'omu nsiko okuliibwa.
- 5 Oligwa ku ttale mu bbanga: kubanga nze nkyogedde, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 6 Era ndiweereza omuliro ku Magogi, ne ku abo abatuula ku bizinga nga tebaliiko kye batya: kale balimanya nga nze Mukama.
- 7 Era ndimanyisa erinnya lyange ettukuvu wakati mu bantu bange Isiraeri; so siriganya erinnya lyange ettukuvu okulivuma nate: kale amawanga galimanya nga nze Mukama, Omutukuvu mu Isiraeri.
- 8 Laba, kijja, era kirikolebwa, bw'ayogera Mukama Katonda; luno lwe lunaku lwe nnayogerako.
- 9 N'abo abatuula mu bibuga bya Isiraeri balifuluma, ne babissaako omuliro ebyokulwanyisa, engabo era n'obugabo, emitego n'obusaale, n'emiggo egy'omu mukono n'amafumu, balibissizaako omuliro emyaka musanvu:
- 10 n'okutyaba ne batatyaba nku mu ttale so tebalitema nku zonna mu kibira; kubanga balibissaako omuliro ebyokulwanyisa: era balinyaga abo abaabanyaganga, era balibaggyako abo abaaggyangako, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 11 Awo olulituuka ku lunaku olwo ndiwa Googi ekifo eky'okuziikamu mu Isiraeri, ekiwonvu ky'abo abayitamu ku luuyi olw'ennyanya olw'ebuvanjuba: era kiriziyiza abo abayitamu: era baliziika eyo Googi n'olulufube lwe lwonna: kale balikiyita nti Kiwonvu Kamonugoogi.
- 12 Era ennyumba ya Isiraeri balimala emyezi musanvu nga babaziika, balongoose ensi.
- 13 Weewaawo, abantu bonna ab'omu nsi balibaziika; era kiriba kya kaati gye bali ku lunaku lwe ndigulumizibwa, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 14 Era balyawulamu abasajja okuba n'omulimu ogw'olutata, abanaayitanga mu nsi okuziika abo abaliyitamu, abalisigala ku maaso g'ensi, okugirongoosa: emyezi musanvu nga giweddeko balinoonya.
- 15 N'abo abayita mu nsi baliyitamu; awo omuntu yenna bw'anaalabanga eggumba ly'omuntu, kale anaasimbangako akabonero, okutuusa abaziisi lwe baliriziika mu kiwonvu Kamonugoogi.
- 16 Era walibaawo ekibuga ekiriyitibwa Kamona. Bwe batyo bwe balirongoosa ensi.
- 17 Naawe, omwana w'omuntu, bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Yogera n'ennyonyi ez'engeri zonna na buli nsolo ey'omu nsiko nti Mukuaane mujje; mukuaane enjuyi zonna eri ssaddaaka yange gye mbaweerayo, ssaddaaka ennene ku nsozi za Isiraeri, mulye ennyama, munywe omusaayi.
- 18 Mulirya ennyama ey'ab'amaanyi, ne munywa omusaayi gw'abalangira ab'ensi, ogw'endiga ennume n'ogw'abaana b'endiga n'ogw'embuzi, n'ogw'ente ennume, zonna za ssava eza Basani.
- 19 Era mulirya amasavu ne mukkuta, ne munywa omusaayi ne mutamiira, ku ssaddaaka yange gye mbaweereddeyo.
- 20 Era mulikkutira mu ddiro lyange embalaasi n'amagaali, abasajja ab'amaanyi n'abasajja bonna abalwanyi, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 21 Era nditeeka ekitiibwa kyange mu mawanga, n'amawanga gonna galiraba omusango gwange gwe ntuukirizza, n'omukono gwange gwe mbataddeko.
- 22 Kale ennyumba ya Isiraeri balimanya nga nze Mukama Katonda waabwe okuva ku lunaku olwo n'okweyongerayo.
- 23 N'amawanga galimanya ng'ennyumba ya Isiraeri baagenda mu busibe olw'obutali

butuukirivu bwabwe; kubanga bansobya ne mbakisa amaaso gange: kale ne mbawaayo mu mukono gw'abalabe baabwe, ne bagwa bonna n'ekitala.

- 24 Ng'obutali bulongoofu bwabwe bwe bwali era ng'okusobya kwabwe bwe kwali, bwe ntyo bwe nnabakola; ne mbakisa amaaso gange.
- 25 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Kaakano nnaakomyawo obusibe bwa Yakobo, ne nsaasira ennyumba yonna eya Isiraeri; era ndikwatirwa erinnya lyange ettukuvu obugya.
- 26 Era balibaako ensonyi zaabwe n'okusobya kwabwe kwonna kwe bansobya, bwe balituula mu nsi yaabwe nga tebaliiko kye batya, so nga tewali alibatiisa;
- 27 bwe ndiba nga mbakomezzaawo okubagya mu mawanga, era nga mbakuaanyizza okuva mu nsi ez'abalabe baabwe, era nga ntukuzibwa mu bo mu maaso g'amawanga mangi.
- 28 Kale balimanya nga nze Mukama Katonda waabwe, kubanga nabasindika mu busibe mu mawanga, era nga mbakuaanyizza mu nsi yaabwe bo; so sirireka nate n'omu ku bo okubeera eyo;
- 29 so siribakisa nate maaso gange: kubanga nfuse omwoyo gwange ku nnyumba ya Isiraeri; bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 40

- 1 Mu mwaka ogw'amakumi abiri mu etaano ogw'okusibibwa kwaffe omwaka nga kye guje gutanule ku lunaku olw'ekumi olw'omwezi mu mwaka ogw'ekumi n'ena ekibuga nga kimaze okumenyebwa, ku lunaku olwo omukono gwa Mukama ne guba ku nze, n'antwalayo.
- 2 N'antwala mu nsi ya Isiraeri mu kwolesebwa kwa Katonda, n'anzisa ku lusozi oluwanvu ennyo, okwali ng'embala y'ekibuga ku bukiika obwa ddyo.
- 3 N'antwalayo, kale, laba, nga waliwo omusajja; enfaanana ye ng'enfaanana ey'ekikomo, ng'alina omugwa ogw'obugogwa mu mukono gwe n'olumuli olugera; n'ayimirira mu mulyango.
- 4 Omusajja oyo n'aamba nti Omwana w'omuntu tunula n'amaaso go, owulire n'amatu go, oteeke omutima gwo ku byonna bye nnaakulaga; kubanga kyovudde oleetebwa wano ndyoke nkubirage: byonna by'onoolaba obibuuliranga ennyumba ya Isiraeri.
- 5 Awo, laba, ekisenge ebweru w'ennyumba okwetooloola, ne mu mukono gw'omusajja nga mulimu olumuli olugera, obuwanvu bwalwo emikono mukaaga, buli mukono mukono ko oluta: awo n'agera obugazi bw'ennyumba, olumuli lumu; n'obugulumivu olumuli lumu:
- 6 Awo n'ajja eri omulyango ogutunuulira ebuwanjuba, n'alinnya ku madaala gaagwo; n'agera awayingirirwa ow'omulyango, obugazi bwawo olumuli lumu: n'awayingirirwa awalala, obugazi bwawo olumuli lumu.
- 7 Na buli nju obuwanvu bwayo olumuli lumu n'obugazi bwayo olumuli lumu; ne wakati w'amayu emikono etaano; n'awayingirirwa ow'omulyango awali ekisasi eky'oku mulyango okwolekera ennyumba, waaliwo olumuli lumu.
- 8 Era n'agera n'ekisasi eky'oku mulyango okwolekera ennyumba, olumuli lumu.
- 9 Awo n'agera ekisasi eky'oku mulyango, emikono munaana; n'emifuubeeto gyamu, emikono ebiri; n'ekisasi eky'oku mulyango kyayolekera ennyumba.
- 10 N'amayu ag'oku mulyango ebuwanjuba gaali asatu eruuyi n'asatu eruuyi; ago gonsatule ga kigera kimu n'emifuubeeto gyalina ekigera kimu eruuyi n'eruyi
- 11 Era n'agera awayingirirwa mu mulyango obugazi bwawo, emikono kkumi; n'obuwanvu bw'omulyango emikono kkumi n'esatu;
- 12 n'ebbanga eryali mu maaso g'amayu, omukono gumu eruuyi, n'ebbanga omukono

- gumu eruuyi; n'amayu emikono mukaaga eruuyi n'emikono mukaaga eruuyi.
- 13 N'agera omulyango okuva ku nju waggulu okutuuka ku nju ginnaayo waggulu, obugazi emikono amakumi abiri mu etaano; oluggi nga lwolekera oluggi.
 - 14 Era n'akola n'emifuubeeto, emikono enkaaga; n'oluggya lwatuuka ku mufuubeeto, omulyango nga gwetooloola.
 - 15 N'okuva ku bwenyi bw'omulyango awayingirirwa okutuuka ku bwenyi obw'ekisasi eky'omunda eky'oku mulyango gyali emikono ataano.
 - 16 Era amayu gaaliko ebituli ebyazibibwa, n'emifuubeeto gyago egyali munda w'omulyango enjuyi zonna, era n'ebizizi bwe bityo byaliko ebituli: era munda mwaliimu ebituli okwetooloola: ne ku buli mufuubeeto kwaliko enkindu.
 - 17 Awo n'antwala mu luggya olw'ebweru, era, laba, nga waaliwo ebisenge n'amayinja amaaliire, ebyakolerwa oluggya okwetooloola: ebisenge amakumi abiri byali ku mayinja ago amaaliire.
 - 18 N'amayinja amaaliire gaali ku mabbali g'emiryango, okwenkanankana n'obuwanvu obw'emiryango, ge mayinja amaaliire aga wansi.
 - 19 Awo n'agera obugazi okuva ku bwenyi obw'omulyango ogwa wansi okutuuka ku bwenyi obw'oluggya olw'omunda ebweru, emikono kikumi, ebuwanjuba n'obukiika obwa kkono:
 - 20 N'omulyango ogw'oluggya olw'ebweru ogutunuulira obukiika obwa kkono n'agera obuwanvu bwagwo n'obugazi bwagwo:
 - 21 N'amayu gaako gaali asatu eruuyi n'asatu eruuyi; n'emifuubeeto gyako n'ebizizi byako byali ng'ekigera eky'omulyango ogw'olubereberye: obuwanvu bwagwo emikono amakumi ataano, n'obugazi emikono amakumi abiri mu etaano.
 - 22 N'ebituli byagwo n'ebizizi byagwo n'enkindu zaagwo, byali ng'ekigera eky'omulyango ogutunuulira ebuwanjuba; era baagulinnyirangamu ku madaala musanvu; n'ebizizi byagwo byali nu maaso gaago.
 - 23 Era oluggya olw'omunda lwaliko omulyango ogwolekera omulyango omulala, obukiika obwa kkono era n'ebuwanjuba; n'agera okuva ku mulyango okutuuka ku mulyango emikono kikumi.
 - 24 Awo n'antwala obukiika obwa ddyo, kale, laba, omulyango obukiika obwa ddyo: n'agera emifuubeeto gyagwo n'ebizizi byagwo ng'ebigera ebyo bwe biri.
 - 25 Era kwaliko amadirisa ku gwo ne ku bizizi byagwo enjuyi zonna ebifaanana amadirisa ago: obuwanvu emikono amakumi ataano, n'obugazi emikono amakumi abiri mu etaano.
 - 26 Era waaliwo amadaala musanvu kwe baalinniranga, n'ebizizi byagwo byali mu maaso gaago: era gwaliko enkindu, olumu eruuyi n'olumu eruuyi ku mifuubeeto gyagwo.
 - 27 Era oluggya olw'omunda lwalina omulyango ogwolekera obukiika obwa ddyo: n'agera okuva ku mulyango okutuuka ku mulyango kwolekera obukiika obwa ddyo emikono kikumi.
 - 28 Awo n'antwala mu luggya olw'omunda oluliraanye omulyango ogw'obukiika obwa ddyo ng'ebigera ebyo bwe byali;
 - 29 n'amayu gaako n'emifuubeeto gyagwo n'ebizizi byagwo ng'ebigera ebyo bwe byali: era gwaliko ebituli era n'ebizizi byagwo enjuyi zonna byaliko ebituli: obuwanvu bwagwo emikono amakumi ataano n'obugazi bwagwo emikono amakumi abiri mu etaano.
 - 30 Era waaliwo ebizizi enjuyi zonna obuwanvu bwabyo emikono amakumi abiri mu etaano n'obugazi bwabyo emikono etaano.
 - 31 N'ebizizi byagwo byayolekera oluggya olw'ebweru; n'emifuubeeto gyagwo gyali enkindu; n'awalinnirwa waaliwo amadaala munaana.

- 32 N'antwala mu luggya olw'omunda okwolekera obuvanjuba: n'agera omulyango ng'ebigera ebyo bwe byali;
- 33 n'amayu gaako n'emifuubeeto gyagwo n'ebizizi byagwo ng'ebigera ebyo bwe byali: era gwaliko ebituli, n'ebizizi byagwo enjuyi zonna byaliko ebituli: obuwanvu bwagwo emikono amakumi ataano n'obugazi bwagwo emikono amakumi abiri mu etaano.
- 34 N'ebizizi byagwo byayolekera oluggya olw'ebweru; n'emifuubeeto gyagwo gyaliko enkindu, eruuyi n'eruuyi: n'awalinyirwa waaliwo amadaala munaana.
- 35 N'antwala ku mulyango ogw'obukiika obwa kkono: n'agugera ng'ebigera ebyo bwe byali;
- 36 amayu gaako n'emifuubeeto gyagwo n'ebizizi byagwo; era gwaliko amadirisa enjuyi zonna: obuwanvu bwagwo emikono amakumi ataano n'obugazi bwagwo emikono amakumi abiri mu etaano.
- 37 N'emifuubeeto gyagwo gyayolekera oluggya olw'ebweru; era emifubeeto gyagwo gyaliko enkindu eruuyi n'eruuyi: n'awalinyirwa waaliwo amadaala munaana.
- 38 Era n'enju n'oluggi lwayo yali eriraanye ku mifuubeeto ku miryango; eyo gye baanaalizanga ekiweebwayo ekyokebwa.
- 39 Ne mu kisasi eky'oku mulyango mwalimu emmeeza bbiri eruuyi n'emmeeza bbiri eruuyi okuttirangako ekiweebwayo ekyokebwa n'ekiweebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo olw'omusango.
- 40 Era ku luuyi ebweru ng'olinnya awayingirirwa mu mulyango okwolekera obukiika obwa kkono yaliyo emmeeza bbiri: ne ku luuyi olw'okubiri, lwe lw'ekisasi eky'oku mulyango, yaiyo emmeeza bbiri.
- 41 Waaliwo emmeeza nnya eruuyi n'emmeeza nnya eruuyi okuliraana omulyango; emmeeza munaana kwe battiranga ssaddaaka.
- 42 Era waaliwo emmeeza nnya ez'ekiweebwayo ekyokebwa, ez'amayinja amateme, obuwanvu bwazo omukono ko ekitundu, n'obugazi bwazo omukono ko ekitundu, n'obugulumivu bwazo omukono gumu: kwe baateekanga ebintu bye bassanga ekiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka:
- 43 N'ebikwaso, obuwanvu bwabyo luta, byasibibwa munda enjuyi zonna; ne ku mmeeza kwaliko ennyama ey'ekitone.
- 44 Era ebweru w'oluggya olw'omunda waaliwo enju ez'abayimbi mu luggya olw'omunda olwali ku mabbali g'omulyango ogw'obukiika obwa kkono: era zaatunuulira obukiika obwa ddyo: nga waaliwo emu ku mabbali g'omulyango ogw'obuvanjuba etunuulira obukiika obwa kkono.
- 45 Awo n'aamba nti Enju eno etunuulira obukiika obwa ddyo ya bakabona abakuumi b'ennyumba gye balagirwa.
- 46 N'enju etunuulira obukiika obwa kkono ya bakabona abakuumi b'ekyoto kye balagirwa: abo be batabani ba Zadoki, be b'oku batabani ba Leevi abasemberera Mukama okumuweereza.
- 47 N'agera oluggya, obuwanvu bwalwo emikono kikumi n'obugazi bwalwo emikono kikumi okwenkanankana; n'ekyoto kyali mu maaso g'ennyumba.
- 48 Awo n'antwala ku kisasi eky'ennyumba, n'agera buli mufuubeeto ogw'ekisasi emikono etaano eruuyi n'emikono etaano eruuyi: n'obugazi obw'omulyango bwali emikono esatu eruuyi n'emikono esatu eruuyi.
- 49 Obuwanvu bw'ekisasi bwali emikono amakumi abiri n'obugazi emikono kkumi na gumu: ng'ogera awali amadaala ge baalinyirangako omwo: era waaliwo empagi eziriraanye emifubeeto, emu eruuyi n'emu eruuyi.

Essuula 41

- 1 N'antwala ku yeekaalu n'agera emifuubeeto, obugazi bwagyo emikono mukaaga eruuyi n'emikono mukaaga eruuyi, bwe bwali obugazi bw'eweema.
- 2 N'awayingirirwa obugazi bwawo emikono kkumi; n'awayingirirwa embiriizi zaawo zaali emikono etaano eruuyi n'emikono etaano eruuyi: n'agera obuwanvu bwawo emikono amakumi ana n'obugazi emikono amakumi abiri.
- 3 Awo n'agenda munda n'agera buli mufuubeeto oguli awayingirirwa, emikono ebiri: n'awayingirirwa emikono mukaaga: n'awayingirirwa obugazi bwawo emikono musanvu.
- 4 N'agera obuwanvu bwawo emikono amakumi abiri, n'obugazi bwawo emikono amakumi abiri, mu maaso ga yeekaalu: n'aamba nti Kino kye kifo ekitukuvu ennyo.
- 5 Awo n'agera ekisenge eky'ennyumba emikono mukaaga; na buli nju ey'omu mbiriizi obugazi bwayo emikono ena, okwetooloola ennyumba enjuyi zonna.
- 6 N'amayu ag'omu mbiriizi gaali asatu, enju ng'eri waggulu ku nju ginnaayo, era amakumi asatu nnyiriri nnyiriri; era gaayingira mu kisenge eky'ennyumba eyali ey'amayu ag'omu mbiriizi enjuyi zonna, gakwate omwo, so galeme okukwata mu bisenge eby'ennyumba.
- 7 N'amayu ag'omu mbiriizi gaagenda nga geeyongera okugaziwa nga gagenda nga geeyongera waggulu okwetooloola ennyumba; kubanga okwetooloola ennyumba kwagenda nga kweyongera waggulu okwebungulula ennyumba: obugazi bw'ennyumba kyebwava bweyongera waggulu; bwe batyo baalinyanga okuva mu nju eya wansi okutuuka mu nju eya waggulu nga bayita mu nju eya wakati.
- 8 Era ne ndaba ng'ennyumba yali ku kigulumu enjuyi zonna: emisingi egy'amayu ag'omu mbiriizi gyali olumuli olulamba olw'emikono emiwanvu mukaaga.
- 9 Obugazi bw'ekisenge ekyali eky'amayu ag'omu mbiriizi ebweru bwali emikono etaano: n'ebanga eryafikkawo lyali kifo eky'amayu ag'omu mbiriizi ag'omu nnyumba.
- 10 Era wakati w'amayu waaliwo obugazi obw'emikono amakumi abiri okwetooloola ennyumba enjuyi zonna:
- 11 N'enzi ez'oku mayu ag'omu mbiriizi zaayolekera ekifo ekyafikkawo, oluggi olumu nga lwolekera obukiika obwa kkono n'oluggi olulala nga lwolekera obukiika obwa ddyo: n'ekifo ekyafikkawo obugazi bwakyo bwali emikono etaano enjuyi zonna.
- 12 N'ennyumba eyali mu maaso g'ekifo ekyayawulibwa ku luuyi olw'ebugwanjuba obugazi bwayo bwali emikono nsanvu; n'ekisenge ky'ennyumba obugazi bwakyo bwali emikono etaano enjuyi zonna, n'obuwanvu bwakyo emikono kyenda.
- 13 Awo bw'atyo n'agera ennyumba, obuwanvu bwayo emikono kikumi; n'ekifo ekyayawulibwa n'ennyumba n'ebisenge byayo, obuwanvu bwakyo emikono kikumi.
- 14 Era obwenyi bw'ennyumba obugazi bwabwo n'obw'ekifo ekyayawulibwa okwolekera obuvanjuba, emikono kikumi.
- 15 N'agera ennyumba obuwanvu bwayo okuva ku kifo ekyayawulibwa ekyali emmanju waayo n'ebbalaza zaayo eruuyi n'eruyi, emikono kikumi; ne yeekaalu ey'omunda n'ebisasi eby'omu luggya;
- 16 emiryango n'amadirisa agaazibibwa n'ebbalaza enjuyi zonna, bbalaza ssatu buli bbalaza ng'eri ku bbalaza ginnaayo, okwolekera omulyango, ezaabikkibwako emiti enjuyi zonna n'okuva ku ttaka okutuuka ku madirisa; era amadirisa gaabikkibwako;
- 17 n'okutuuka ku banga eryali waggulu w'oluggi, okutuuka ku nnyumba ey'omunda n'ebweru ne ku kisenge kyonna enjuyi zonna munda n'ebweru, okugerebwa kwabyo.
- 18 Era yakolebwa ne bakerubi n'enkindu; n'olukindu lwatekebwa wakati wa bakerubi kinnababirye, na buli kerubi yalina obwenyi bubiri;

- 19 obwenyi bw'omuntu ne bwolekera olukindu eruuyi, n'obwenyi bw'empologoma ento ne bwolekera olukindu eruuyi: bwe bityo bwe byakolebwa okubuna ennyumba yonna enjuyi zonna.
- 20 Bakerubi n'enkindu byakolebwa okuva ku ttaka okutuuka waggulu w'oluggi ekisenge kya yeekaalu bwe kyali bwe kityo.
- 21 Yeekaalu emifuubeeto gyayo gyaliko empe nnya n'obwenyi bw'awatukuvu enfaanana yaabwo yali ng'enfaanana eya yeekaalu.
- 22 Ekyoto kyali kya miti obugulumivu bwakyo emikono esatu n'obuwanvu bwakyo emikono ebiri n'ensonda zaakyo n'obuwanvu bwakyo n'ebisenge byakyo byali bya miti: n'aamba nti Eno ye mmeeza eri mu maaso ga Mukama.
- 23 Eri yeekaalu n'awatukuvu byalina enzigi bbiri.
- 24 N'enzigi zaali za mbaawo bbiri, embaawo bbiri ezeefunya embaawo bbiri za luggi lumu, n'embaawo bbiri za luggi olw'oku biri.
- 25 Era kwakolebwako, ku nzigi za yeekaalu, bakerubi n'enkindu ng'ebyakolebwa ku bisenge; era ku bwenyi bw'ekisasi ebweru kwaliko embaawo ez'emiti ez'omubiri omunene.
- 26 Era waaliwo amadirisa agaazibibwa n'enkindu eruuyi n'eruyi ku njuyi z'ekisasi: amayu ag'omu mbiriizi ag'omu nnyumba bwe gaali bwe gatyo n'embaawo ez'o mubiri omunene.

Essuula 42

- 1 Awo n'anfulumya mu luggya olw'ebweru, lye kkubo eridda obukiika obwa kkono: n'annyingiza mu nju eyayolekera ekifo ekyayawulibwa era eyayolekera ennyumba ku luuyi olw'obukiika obwa kkono.
- 2 Mu maaso g'obuwanvu buli obw'emikono ekikumi we waali oluggi olw'obukiika obwa kkono, n'obugazi bwali emikono amakumi ataano.
- 3 Okwolekera emikono abiri giri egy'oluggya olw'omunda n'okwolekera amayinja amaaliire gali ag'omu luggya olw'ebweru we waali ebbalaza ng'eyolekera ebbalaza ginnaayo mu nju eya waggulu ey'okusatu.
- 4 Ne mu maaso g'amayu gali waaliwo ekkubo obugazi bwalyo emikono kkumi munda, ekkubo lya mukono gumu; n'enzigi zaago zaayolekera obukiika obwa kkono.
- 5 Era amayuuga waggulu gaali mampi okusinga ago: kubanga ebbalaza zaasala ku ago okusinga bwe zaasala ku za wansi n'eza wakati mu nnyumba.
- 6 Kubanga gaali amayu aga waggulu asatu, so tegaalina mpagi ng'empagi ez'omu mpya: eya waggulu kyeyava efunzibwa okusinga eya wansi n'eya wakati okuva ku ttaka.
- 7 N'ekisenge ekyali ebweru ekyaliraana amayu okwolekera oluggya olw'ebweru mu maaso g'amayu obuwavu bwakyo bwali emikono amakumi ataano.
- 8 Kubanga obuwanvu bw'amayu agaali mu luggya lw'ebweru bwali emikono amakumi ataano: era, laba, mu maaso ga yeekaalu waaliwo emikono kikumi.
- 9 Era wansi w'amayu ago we baavanga okuyingira ku luuyi olw'ebuvanjuba, ng'oyingira mu go ng'oa mu luggya olw'ebweru.
- 10 Ku mubiri gw'ekisenge eky'oluggya kwolekera obuvanjuba, mu maaso g'ekifo ekyayawulibwa ne mu maaso n'ennyumba, kwaliko amayu.
- 11 N'ekkubo eryali mu maaso gaago yali ng'enfaanana ey'ekkubo ery'amayu agayolekera obukiika obwa kkono; ng'obuwanvu bwago, n'obugazi bwago bwe bwali bwe butyo: n'awafulumirwa mu go wonna waali ng'engeri zaago bwe zaali era ng'ezigi zaago bwe zaali.
- 12 Era ng'enzigi ez'amayu agayolekera obukiika obwa ddyo bwe zaali, oluggi bwe lwali

bwe lutyo ekkubo we lisibuka eriri ddala mu bwenyi bw'ekisenge ebuvanjuba bw'oyingira mu go.

- 13 Awo n'aamba nti Amayu ag'obukiika obwa kkono n'amayu ag'obukiika obwa ddyo goolekedde ekifo ekyayawulibwa ago ge mayu amatukuvu, bakabona abali okumpi ne Mukama mwe banaaliiranga ebintu ebitukuvu ennyo: eyo gye banaateekanga ebintu ebitukuvu ennyo n'ekiweebwao eky'obutta n'ekiweebwayo olw'ebibi n'ekiweebwayo olw'omusango; kubanga ekifo ekyo kitukuvu.
- 14 Bakabona bwe banaayingirangamu, kale tebavanga mu kifo ekitukuvu okuyingira mu luggya olw'ebweru, naye banaateekanga eyo ebyambalo byabwe bye baweerezaamu; kubanga bitukuvu; kale anaayambalanga ebyambalo ebirala, ne balyoka basemberera ekyo eky'abantu.
- 15 Awo bwe yamala okugera ennyumba ey'omunda, n'anfulumya mu kkubo ery'omulyango ogutunuulira obuvanjuba, n'agigera enjuyi zonna.
- 16 N'agera ku luuyi olw'ebuvanjuba n'olumuli olwo olugera, emmuli ebikumi bitaano, n'olumuli olugera enjuyi zonna.
- 17 N'agera ku luuyi olw'obukiika obwa kkono n'olumuli olugera, emmuli ebikumi bitaano enjuyi zonna.
- 18 N'agera ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo, emmuli ebikumi bitaano, n'olumuli olugera.
- 19 N'akyukira eri oluuyi olw'ebugwanjuba n'agera emmuli ebikumi bitaano, n'olumuli olugera.
- 20 Yagigera enjuyi ennya: yalina bbugwe enjuyi zonna, obuwanvu ebikumi bitaano n'obugazi ebikumi bitaano, okwawula ebitukuvu n'ebitali bitukuvu.

Essuula 43

- 1 Awo oluvannyuma n'antwala eri omulyango, omulyango ogwo ogutunuulira obuvan-juba:
- 2 kale, laba, ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri nga kijja nga kiva mu kkubo ery'ebuvan-juba: n'eddoboozi lye lyali ng'okuwuuma kw'amazzi amangi: ensi n'emasamasa olw'ekitiibwa kye.
- 3 Era kyali ng'embala ey'okwolesebwa kwe nnalaba, ng'okwolesebwa kwe nnalaba bwe nnajja okuzikiriza ekibuga: era okwolesebwa kwali ng'okwolesebwa kwe nnalaba ku lubalama lw'omugga Kebali: awo ne nvuunama amaaso gange.
- 4 Awo ekitiibwa kya Mukama ne kiyingira mu nnyumba nga kifulumu mu kkubo ery'omulyango ogutunuulira obuvanjuba.
- 5 Omwoyo ne gunsitula ne gundeeta mu luggya olw'omunda; kale, laba, ekitiibwa kya Mukama ne kijjula ennyumba.
- 6 Awo ne mpulira ayogera nange ng'ayima mu nnyumba; omusajja n'ayimirira ku mabbali gange.
- 7 Awo n'aamba nti Omwana w'omuntu, kino kye kifo eky'entebe yange, n'ekifo ebigere byange we birinnya, we nnaabeeranga wakati mu baana ba Isiraeri emirembe gyonna: so n'ennyumba ya Isiraeri terigwagwawaza nate erinnya lyange ettukuvu, bo newakubadde kabaka waabwe, olw'obwenzi bwabwe n'olw'emirambo gya bakabaka baabwe mu bifo byabwe ebigulumivu;
- 8 nga bateeka omulyango gwabwe ku mabbali g'omulyango gwange, n'omufuubeeto gwabwe ku mabbali g'omufuubeeto gwange, ekisenge ekyereere n'ekyawula nze nabo; era bagwagwawazizza erinnya lyange ettukuvu n'emizizo gyabwe gye bakola: kyennava mbamalawo n'obusungu bwange.
- 9 Kaakano baggyeewo obwenzi bwabwe n'emirambo gya bakabaka baabwe okuba wala

nange, nange naabeeranga wakati mu bo emirembe gyonna.

- 10 Ggwe omwana w'omuntu, laga ennyumba ya Isiraeri ennyumba, bakwatirwe ensonyi obutali butuukirivu bwabwe: era bagere ekyokulabirako.
- 11 Awo bwe banaakwatirwa ensonyi ebyo byonna bye bakoze, bategeeze ennyumba bw'efaanana n'engeri yaayo n'awafulumirwa n'awayingirirwa n'embala zaayo zonna n'ebiragiro byayo byonna n'embala zaayo zonna n'amateeka gaayo gonna, ogiwandi-ike bo nga balaba: balyoke bagikwate yonna: nga bw'efaanana n'ebiragiro byayo byonna, babikolenga.
- 12 Lino lye tteeka ery'ennyumba: ku ntikko y'olusozi embibi yaayo yonna enjuyi zonna eriba ntukuvu nnyo. Laba, eryo lye tteeka ery'ennyumba.
- 13 Era kuno kwe kugerebwa kw'ekyoto ng'emikono bwe gyenkana: (omukono gwe mukono ko oluta:) entobo eriba ya mukono gumu, n'obugazi mukono gumu, n'omugo gwakyo ku kamwa kaakyo okwetooloola guliba gwa luta: era eyo ye eneeba entobo y'ekyoto.
- 14 N'okuva ku ntobo wansi okutuuka ku mugo ogwa wansi waliba emikono ebiri n'obugazi omukono gumu; n'okuva ku mugo omutono okutuuka ku mugo omunene waliba emikono ena n'obugazi omukono gumu.
- 15 N'ekyoto ekya waggulu kiriba kya mikono ena: n'okuva ku kyoto wansi n'okwambukayo waliba amayembe ana.
- 16 N'ekyoto wansi kiriba emikono kkumi n'ebiri obuwanvu n'ekkumi n'ebiri obugazi, enjuyi zaakyo ennya nga zenkanankana.
- 17 N'omugo guliba emikono kkumi n'ena obuwanvu n'ekkumi n'ena obugazi, mu njuyi zaagwo ennya; n'omugo ogugwetooloola guliba kitundu kya mukono; n'entobo yaagwo eriba omukono gumu enjuyi zonna; n'amadaala gaagwo galitunuulira obuwanjuba.
- 18 N'aamba nti Omwana w'omuntu, bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Bino bye biragiro eby'ekyoto ku lunaku lwe balikikola, okuweerangayo, okwo ebiweebwayo ebyokebwa n'okumansirangako omusaayi.
- 19 Bakabona, Abaleevi ab'oku zzadde lya Zadoki abandi okumpi, olibawa ente enwbuka okuba ekiweebwayo olw'ekibi, okumpeereza, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 20 Era olitoola ku musaayi gwayo n'oguteeka ku mayembe gaakyo ana ne ku nsonda ennya ez'omugo ne ku mugo ogwetooloola; bw'otyoto bw'onookirongoosanga n'okitan-girira.
- 21 Era otwalanga ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi, n'agyokera mu kifo eky'ennyumba ekyalagirwa ebweru w'awatukuvu.
- 22 Awo ku lunaku olw'okubiri n'owangayo embuzi ennume eteriiko bulema okuba ekiweebwayo olw'ekibi; ne balongoosa ekyoto nga bwe bakirongoosa n'ente.
- 23 Bw'olimala okukirongoosa, owangayo ente envubuka eteriiko bulema n'endiga ennume eteriiko bulema eggiddwa mu kisibo.
- 24 N'obisembeza mu maaso ga Mukama, bakabona ne babisuulako omunnya ne babi-waayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama.
- 25 Mu nnaku omusanvu onootegekerangamu buli lunaku embuzi okuba ekiweebwayo olw'ekibi era bategekenga ente envubuka n'endiga ennume eteriiko bulema eggiddwa mu kisibo.
- 26 Ennaku musanvu batangirirenga ekyoto bakirongoose; bwe batyo bwe baba bakyawula:
- 27 Awo bwe balimala ennaku ezo, olulituuka ku lunaku olw'omunaana n'okweyonger-ayo, bakabona baweerangayo ku kyoto ebiweebwayo byammwe ebyokebwa n'ebi-weebwayo byammwe olw'emirembe; nange ndibakkiriza, bw'ayogera Mukama Katonda. s

Essuula 44

- 1 Awo n'anzizaayo mu kkubo ery'omulyango ogw'ebweru ogw'awatukuvu ogutunuulira obuvanjuba; awo nga luggale.
- 2 Awo Mukama n'aamba nti Omulyango guno guliggalwawo, teguliggulwawo so tewaliba muntu aliyingirira mu gwo, kubanga Mukama Katonda wa Isiraeri ayingiridde omwo; kye gunaavanga guggalwawo.
- 3 Omulangira ye alituula omwo nga ye mulangira okuliiranga emmere mu maaso ga Mukama; aliyingira ng'afulumu mu kkubo ery'ekisasi eky'omulyango, ne mu kkubo omwo mw'anaayitanga ng'avaamu.
- 4 Awo n'antwala mu kkubo ery'omulyango ogw'obukiika obwa kkono mu maaso g'ennyumba; ne ntunula, kale, laba, ekitiibwa kya Mukama nga kijjudde ermyumba ya Mukama; ne nvuunama amaaso gange;
- 5 Awo Mukama n'aamba nti Omwana w'omuntu, weetegereze nnyo, otunule n'amaaso go era owulire n'amatu go ebyo byonna bye nkugamba ku biragiro byonna eby'omu nnyumba ya Mukama n'amateeka gaayo gonna; era weetegereze nnyo awayingirirwa mu nnyumba na buli awafulumirwa mu watukuvu.
- 6 Era ogambanga abajeemu, ogambanga ennyumba ya Isiraeri nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ai mmwe ennyumba ya Isiraeri, emizizo gyammwe gyonna gibamale,
- 7 kubanga muyingizizza bannaggwanga abatali bakomole mu mutima era abatali bakomole mu mubiri, okubeera mu watukuvu wange, okwonoonawo, ennyumba yange, bwe muwaayo emmere yange, amasavu n'omusaayi, era bo bamenye endagaano yange, okwongerera ku mizizo gyammwe gyonna.
- 8 So temukuumye bintu byange ebitukuvu bye mwalagirwa: naye mweteekeddewo mwekka abakuumi b'ebyo bye nnalagira mu watukuvu wange.
- 9 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Tewaliba munnaggwanga, atali mukomole mu mutima era atali mukomole mu mubiri, aliyingira mu watukuvu wange, munnaggwanga yenna anaabanga mu baana ba Isiraeri.
- 10 Naye Abaleevi abanneesambira ddala, Isiraeri bwe yawaba, abaawaba okunvaako okugoberera ebifaananyi byabwe; abo balibaako obutali butuukirivu bwabwe.
- 11 Era naye baliba baweerera mu watukuvu wange, nga balina okulabirira ku miryango gy'ennyumba, era nga baweerera mu nnyumba; abo be banattiranga abantu ekiweebwayo ekyokebwa ne ssaddaaka, eta banaayimiriranga mu maaso gaabwe okubaweerera.
- 12 Kubanga baabweererezanga mu maaso g'ebifaananyi byabwe ne bafuuka nkonge ey'obutali butuukirivu eri ennyumba ya Isiraeri; kyenvudde mbayimusizaako omukono gwange, bw'ayogera Mukama Katonda, era balibaako obutali butuukirivu bwabwe.
- 13 So tebalinsemblerera okukola omulimu ogw'obwakabona gye ndi, newakubadde okusemberera ekintu kyonna ku bintu byange ebitukuvu, eri ebintu ebisinga obutukuvu: naye balibaako ensanyi zaabwe n'emizizo gyabwe gye baakolanga.
- 14 Era naye ndibafuula abakuumi b'ennyumba gye baliragirwa, olw'okuweerera kwamu kwonna n'olwa byonna ebirikolebwa omwo.
- 15 Naye bakabona, Abaleevi, batabani ba Zadoki, abaakuumanga awatukuvu wange nga bwe baalagirwa, abaana ba Isiraeri bwe baawaba okunvaako, abo be balinsemblerera okumpeereza; era banaayimiriranga mu maaso gange, okuwangayo gye ndi amasavu n'omusaayi, bw'ayogera Mukama Katonda:
- 16 abo banaayingiriranga mu watukuvu wange, era banaasembereranga emmeeza yange okumpeereza, era banaakuumanga ebyo bye ndibalagira.
- 17 Awo olunaatuukanga bwe banaayingiriranga mu miryango egy'oluggya olw'omunda,

banaayambalanga ebyambalo ebya bafuta; so tewaabenga byoya bye
banaayambalanga bwe banaabanga nga baweerereza mu miryango egy'oluggya
olw'omunda ne munda.

- 18 Banaabanga n'ebiremba ebya bafuta ku mitwe gyabwe, era banaayambalanga seruwale eza bafuta mu biwato byabwe; tebesibenga kintu kyonna ekituuyanya.
- 19 Awo bwe banaafulumanga mu luggya olw'ebweru, mu luggya olw'ebweru eri abantu, banaayambulanga ebyambalo byabwe bye baweererezaamu, ne babitereka mu nju entukuvu, ne bambala ebyambalo ebirala, balemenga okutukuza abantu n'ebyanbalo byabwe.
- 20 So tebamwanga mitwe gyabwe, so tebakuzanga nivumbo gyabwe; banaasalanga busazi enviiri ez'oku mitwe gyabwe.
- 21 So ne kabona yenna tanywanga nwenge nga bayingira mu luggya lw'omunda.
- 22 So tebawasanga namwandu newakubadde eyagobebwa bba: naye bawasenga abawala abatamanyi musajja ab'oku zadde ery'ennyumba ya Isiraeri, ba nnamwandu eyali muka kabona.
- 23 Era banaayigirizanga abantu abantu bange enjawulo bw'eri ey'ekitukuvu n'ekitali kitukuvu, ne babaawuza ekitali kirongoofu n'ekirongoofu.
- 24 N'awali empaka be banaayimiriranga okusala omusango; ng'emisango gyange bwe giri bwe banaazisalanga: era bakwatenga amateeka gange n'ebiragiyo byange mu mbaga zange zonna ezaalagirwa; era batukuzenga ssabbiiti zange.
- 25 So tebasembereranga mufu yenna okwegwagwawaza: naye olwa kitaabwe ba nnyaabwe oba mutabani waabwe oba muwala waabwe, olwa muganda waabwe oba mwannyinaabwe atabanga na bba, bayinza okweyonoona.
- 26 Awo bw'amalanga okulongoosebwa, bamubalirenga ennaku musanvu.
- 27 Awo ku lunaku lw'anayingiranga mu watukuvu, mu luggya olw'omunda, okuweerereza mu watukuvu, anaawangayo ekikyekiweebwayo olw'ekibi, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 28 Era baliba n'obusika; nze ndi busika bwabwe: so temubawanga butaka mu Isiraeri; nze butaka bwabwe.
- 29 Baaalyanga ekiweebwayo eky'obutta n'ekiweebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo olw'omusango; era buli kintu ekiwongebwa mu Isiraeri kinaabanga kyabwe.
- 30 N'ebisooka ku bibala byonna ebibereberye ku byonna na buli kitone ekya buli kintu ku bitone nammwe byonna binaabanga bya bakabona: era munaawanga kabona obutta bwammwe obugoyebwa obusooka, okutuuzza omukisa ku nnyumba yo.
- 31 Bakabona tebalyanga ku kintu kyonna ekifa kyokka newakubadde eyataagulwa oba nnyonyi oba nsolo.

Essuula 45

- 1 Era nate bwe muligabana n'obululu ensi okuba obusika, muwangayo ekitone eri Mukama, omugabo gw'ensi omutukuvu: obuwanvu bwagwo buliba buwanvu obw'emmuli obukumi bubiri mu enkumi ttano, n'obugazi kakumi: guliba mutukuvu mu nsalo yaagwo yonna okwetooloola.
- 2 Ku gwo kuliggibwako olw'ekifo ekitukuvu ebikumi bitaano obuwanvu n'ebikumi bitaano obugazi okwenkanankana enjuyi zonna: n'emikono amakumi ataano olw'embuga yaako enjuyi zonna.
- 3 Era oligeza ekigera kino, obuwanvu obw'obukumi bubiri mu enkumi ttaano n'obugazi obw'akakumi: n'omwo mwe muliba awatukuvu, awatukuvu ennyo.
- 4 Ogwo gwe mugabo gw'ensi omutukuvu; guliba gwa bakabona, abaweereza ab'omu watukuvu, abasembera okuweereza Mukama; era kiriba kifo kya nnyumba zaabwe, era

ekifo ekitukuvu eky'awatukuvu.

- 5 Kale Abaleevi, abaweereza ab'omu nnyumba, baliba n'obukumi bubiri mu enkumi ttaano obuwanvu n'akakumi obugazi, okuba obutaka bwabwe, ku bwabwe, olw'amayu amakumi abiri.
- 6 Era muteekangawo obutaka obw'ekibuga, enkumi ttaano obugazi n'obukumi bubiri mu enkumi ttaano obuwanvu, okuliraana ekitone eky'omugabo omutukuvu: buliba bwa nnyumba yonna eya Isiraeri.
- 7 Era buli ekiriba eky'omulangira kiriba ku mabbali g'omugabo omutukuvu n'obutaka obw'ekibuga eruuyi n'eruyi, mu maaso g'ekitone ekitukuvu ne mu maaso g'obutaka obw'ekibuga, ku luuyi olw'ebugwanjuba ebugwanjuba, ne ku luuyi olw'ebuvanjuba ebugwanjuba: n'obuwanvu nga kyenkana n'omugabo ogumu ku migabo okuva ku nsalo ey'ebugwanjuba okutuuka ku nsalo ey'ebuvanjuba.
- 8 Buliba butaka gy'ali mu nsi mu Isiraeri: so n'abalangira tebalijooga nate abantu bange; naye baliwa ennyumba ya Isiraeri ensi ng'ebika byabwe bwe biri.
- 9 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Kibamale, ai abalangira ba Isiraeri: muggy-eewo ekyejo n'okunyaga, mutuukirize omusango n'eby'ensonga; abantu bange mu baggyeeko obukamuzi bwammwe, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 10 Mubanga ne minzaani ey'amazima ne efa ey'amazima n'ensuwa ey'amazima.
- 11 Efa n'ensuwa bibenga bya kigera kimu, ensuwa egyemu ekitundu eky'ekkami eky'ekomeri: ekigera kyayo kiba ng'ekomeri bw'eri.
- 12 Ne sekeri eribagera amakumi abiri: sekeri amakumi abiri ne sekeri abiri mu ttaano ne sekeri kkumi na ttaano, maane yammwe bw'eriba bw'etyo.
- 13 Kino kye kitone kye munaawangayo; ekitundu eky'omukaaga ekya efa ekiggibwa ku komero ey'eaano, era munaawanga ekitundu eky'omukaaga ekya efa ku buli komeri eya sayiri:
- 14 n'omugabo ogw'amafuta ogulagirwa, ogw'oku nsuwa ey'amafuta, gunaabanga kitundu kya kkumi eky'ensuwa, ekiggibwa ku kooli; ze nsuwa kkumi, ye komeri; kubanga ensuwa kkumi ye komeri:
- 15 n'omwana gw'endiga ogumu ogw'omu kisibo, oguggibwa ku bikumi bibiri, ku malundiro amagimu aga Isiraeri; olw'ekiweebwayo eky'obutta n'ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe, okubatangiriranga, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 16 Abantu bonna ab'omu nsi banaawanga olw'ekitone ekyo olw'omulangira mu Isiraeri.
- 17 Era omulangira ye anaawanga ebiweebwayo ebyokebwa n'ebiweebwayo eby'obutta n'ebiweebwayo ebyokunywa ku mbaga ne ku myezi egyakaboneka ne ku ssabbiiti, ku mbaga zonna ezaalagirwa ez'ennyumba ya Isiraeri: ye anaategekanga ekiweebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo eky'obutta n'ekiweebwayo ekyokebwa n'ebiweebwayo olw'emirembe, okutangiriranga ennyumba ya Isiraeri.
- 18 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku olw'omwezi olw'olubereberye oddiranga ente envubuka eteriiko bulema; n'olongoosa awatukuvu.
- 19 Ne kabona atoolenga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi n'aguteeka ku mifuubeeto gy'ennyumba ne ku nsonda ennya ez'omugo ogw'ekyoto ne ku mifuubeeto egy'oku mulyango ogw'oluggya olw'omunda.
- 20 Era okolanga bw'otyoko ku lunaku olw'omwezi olw'omusanvu olwa buli muntu asobya n'oyo atalina magezi: bwe mutyo bwe munaatangiriranga ennyumba.
- 21 Mu mwezi ogw'olubereberye ku lunaku olw'omwezi olw'ekkami n'ennya mubenga n'Okuyitako, embaga ey'ennaku omusanvu; emigaati egitazimbulukuswa gye ginaali-ibwanga.
- 22 Awo ku lunaku olwo omulangira yeetegekerenga yennyini n'abantu bonna ab'omu nsi

ente okuba ekiweebwayo olw'ekibi.

- 23 Ne mu nnaku omusanvu ez'embaga ategekenga ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama, ente musanvu n'endiga ennume musanvu ezitaliiko bulema, buli lunaku okumalako ennaku omusanvu; n'embuzi ennume buli lunaku okuba ekiweebwayo olw'ekibi.
- 24 Era ategekenga ekiweebwayo eky'obutta, efa ya nte, ne efa ya ndiga ennume, na buli efa yini ey'amafuta.
- 25 Mu mwezi ogw'omusanvu ku lunaku olw'omwezi olw'ekkumi n'ettaano mu mbaga akolenga bw'atyo okumala ennaku omusanvu; ng'ekiweebwayo olw'ekibi bwe kiri, n'ekiweebwayo ekyokebwa, n'ekiweebwayo eky'obutta, n'amafuta nga bwe gali.

Essuula 46

- 1 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Omulyango ogw'oluggya olw'omunda ogutunuulira obuvanjuba banaaguggalirangawo ennaku omukaaga ezikolerwamu omulimu; naye ku lunaku olwa ssabbiiti banaaguggulangawo, ne ku lunaku olw'omwezi ogwakaboneka banaaguggulangawo.
- 2 Era omulangira anaayingiranga ng'afuluma mu kkubo ery'ekisasi eky'omulyango ogw'ebweru, n'ayimirira awali omufuubeeto ogw'omulyango, ne bakabona bategekenga ekikyekiweebwayo ekyokebwa n'ebibye ebiweebwayo olw'emirembe, n'asinziza awayingirirwa ow'omulyango; kale n'afuluma: naye omulyango tebagug-galangawo okutuusa akawungeezi.
- 3 N'abantu ab'omu nsi basinzizenga ku luggi olw'omulyango ogwo mu maaso ga Mukama ku ssabbiiti ne ku myezi egyakaboneka.
- 4 N'ekiweebwayo ekyokebwa omulangira ky'anaawangayo eri Mukama kinaabanga ku lunaku olwa ssabbiiti abaana b'endiga mukaaga abataliiko bulema n'endiga ennume eteriiko bulema;
- 5 n'ekiweebwayo eky'obutta kinaabanga efa ku ndiga ennume, n'ekiweebwayo eky'obutta ku baana b'endiga nga bw'anaayinzanga okuwa, na buli efa yini ya mafuta.
- 6 Ne ku lunaku olw'omwezi ogwakaboneka kinaabanga ente envubuka eteriiko bulema; n'abaana b'endiga mukaaga n'endiga ennume; zinaabanga ezitaliiko bulema;
- 7 era ategekenga ekiweebwayo eky'obutta, efa ku nte, ne efa ku ndiga ennume, ne ku baana b'endiga nga bw'anaayinzanga, na buli efa yini ya mafuta.
- 8 Era omulangira bw'anaayingiranga, anaalingiranga ng'afuluma mu kkubo ery'ekisasi eky'omulyango, era anaavangamu ng'afuluma mu kkubo omwo.
- 9 Naye abantu ab'omu nsi bwe banajjanga mu maaso ga Mukama mu mbaga ezaalagirwa, oyo anaayingiranga ng'afuluma mu kkubo ery'omulyango ogw'obukiika obwa kkono okusinza anaavangamu ng'afuluma mu kkubo ery'omulyango ogw'obukiika obwa ddyo; n'oyo anaayingiranga ng'afuluma mu kkubo ery'omulyango ogw'obukiika obwa ddyo anaavangamu ng'afuluma mu kkubo ery'omulyango ogw'obukiika obwa kkono: taddirangayo mu kkubo ery'omulyango mwe yayingirira, naye avengamu nga yeesimbye mu maaso ge.
- 10 N'omulangira, bwe banaayingirangamu, anaagenderanga wakati mu bo; era bwe banaavangamu, banaaviirangamu wamu.
- 11 Ne mu mbaga ne ku nnaku enkulu ekiweebwayo eky'obutta kinaabanga efa ku nte ne efa ku ndiga ennume ne ku b'endiga nga bw'anaayinzanga okuwa, na buli efa yini ya mafuta.
- 12 Era omulangira bw'anaategekanga ekyo ky'anaawangayo ku bubwe, ekiweebwayo ekyokebwa oba ebiweebwayo olw'emirembe okuba ekiweebwayo ku bubwe eri

Mukama, banaamuggulirangawo omulyango ogutunuulira obuvanjuba, era anaategekanga ekikye ekiweebwayo ekyokebwa n'ebibye by'awaayo ku bubwe nga bw'akola ku lunaku olwa ssabbiiti: kale afulumenga; awo ng'amaze okufuluma, banaggalangawo omulyango.

- 13 Era otegekanga omwana gw'endiga ogwakamala omwaka gumu ogutaliiko bulema okuba ekiweebwayo ekyokebwa eri Mukama buli lunaku: buli nkya ogutegekanga.
- 14 Era otegekanga wamu nagwo ekiweebwayo eky'obutta buli enkya, ekitundu eky'ekkumi ekya efa n'ekitundu eky'okusatu ekya yini ey'amafuta, okunnyikiza obutta obulungi; ekiweebwayo eky'obutta eri Mukama eky'olutata olw'ekiragirowo ekitaliggwaawo.
- 15 Bwe batyo bwe baba bategekanga omwana gw'endiga n'ekiweebwayo eky'obutta n'amafuta; buli nkya okuba ekiweebwayo ekyokebwa eky'olutata.
- 16 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Omulangira bw'anaawanga ekirabo mutabani we yenna, nga bwe busika bwe, buliba bwa batabani be; butaka bwabwe olw'obusika.
- 17 Naye bw'anaawanga ku busika bwe omuddu we yenna ekirabo, kiriba kikye okutuuka ku mwaka ogw'eddembe; ne kiryoka kidda eri omulangira; naye obusika bwe, obwo buliba bwa batabani be.
- 18 Era nate omulangira tatwalanga ku busika obw'abantu okubagoba mu butaka bwabwe; anaawanga batabani be obusika ng'abugya ku butaka bwe ye: abantu bange, bale-menga okusaasaana buli muntu okuva ku butaka bwe.
- 19 Awo n'ampisa awayingirirwa ku mabbali g'omulyango n'anyingiza mu nju entukuvu eza bakabona ezaatunuulira obukiika obwa kkono era, laba, waaliwo ekifo ku luuyi olw'ennyuma ebugwanjuba.
- 20 N'aamba nti Kino kye kifo bakabona we banaafumbiranga ekiweebwayo olw'omusango n'ekiweebwayo olw'ekibi, we banaayokeranga ekiweebwayo eky'obutta; baleme okubifulumya mu luggya olw'ebweru okutukuza abantu.
- 21 Awo n'anfulumya mu luggya olw'ebweru, n'ampisa ku nsonda ennya ez'oluggya era, laba, mu buli nsonda ey'oluggya nga mulimu oluggya.
- 22 Mu nsonda ennya ez'oluggya mwalimu empya ezaakomerwa, obuwanvu bwazo emikono amakumi ana n'obugazi amakumi asatu: ezo ennya ezaali mu nsonda zaali za kigera kimu.
- 23 Era waaliwo olubu oluzimbibwa olwetoolodde mu zo okuzeetooloola ezo ennya, era lwakolebwa nga lulimu ebifo eby'okuufumbiramu wansi w'embu enjuyi zonna.
- 24 Awo n'aamba nti Zino ze nnyumba ez'okufumbirangamu, abaweereza ab'ennyumba we banaafumbiranga ssaddaaka ey'abantu.

Essuula 47

- 1 Awo n'anzizaayo ku luggi olw'ennyumba; kale, laba, amazzi gaasibuka nga gava wansi w'omulyango ogw'ennyumba ebuwanjuba, kubanga obwenyi bw'ennyumba bwayolekera obuvanjuba: amazzi ne gaserengeta nga gava wansi ku luuyi olw'ennyumba olwa ddyo ku luuyi olw'ekyoto olw'obukiika obwa ddyo.
- 2 Awo n'anfulumiza mu kkubo ery'omulyango obukiika obwa kkono, n'antwala n'anneetoolooza mu kkubo ery'ebweru okutuuka ku mulyango ogw'ebweru mu kkubo ery'omulyango ogutunuulira ebuwanjuba; era, laba, amazzi nga gakulukutira ku luuyi olwa ddyo.
- 3 Omusajja bwe yavaamu ng'agenda ebuwanjuba ng'akutte omugwa mu mukono gwe, n'agera emikono lukumi, n'ampisa mu mazzi, amazzi agakoma mu bukongovvule.
- 4 Nate n'agera lukumi, n'ampisa mu mazzi, amazzi agakoma mu maviivi. Nate n'agera

lukumi, n'ampisa mu mazzi, amazzi agakoma mu kiwato.

- 5 Oluvannyuma n'agera lukumi; ne guba mugga gwe ssaayinza kusomoka: kubanga amazzi gaali gatumbidde, amazzi ag'okuwugirira, omugga ogutayinzika kusomokeka.
- 6 N'aamba nti Omwana w'omumu, olabye? Awo n'antwala n'anzizaayo ku lubalama lw'omugga.
- 7 Awo bwe nnali nga nzizeeyo, laba, ku lubalama lw'omugga nga kuliko emiti mingi nnyo eruuyi n'eruuyi.
- 8 Awo n'aamba nti Amazzi gano gasibuka okugenda mu njuyi ez'ebuvanjuba, era galis-erengeta mu Alaba: era galigenda eri ennyanja; mu nnyanja amazzi gye galidda agaa-sibusibwa; era amazzi galiwonyezebwa:
- 9 Awo olulituuka buli kintu ekiramu kye gajjula mu buli kifo emigga gye girituuka kiriba kiramu; era walibaawo olufulube lw'ebyennyanya lungi nnyo: kubanga amazzi gano gatuuse eyo, n'amazzi ag'omu nnyanja galiwonyezebwa, na buli kintu kiriba kiramu buli omugga gye gunaatuukanga.
- 10 Awo olulituuka abavubi baliyimirira ku mabbali gaagwo: okuva e Engedi okutuuka e Negulayimu waliba ekifo eky'okusuuliramu emigonjo; eby'ennyanya byabwe biriba ng'engeri zaabyo bwe biriba, okwenkana ebyennyanya ebiri mu nnyanja ennene, bingi nnyo nnyini.
- 11 Naye ebifo eby'ettosi n'emigga gyagwo tebiriwonyezebwa; biriweebwayo eri omunno.
- 12 Era ku mugga ku lubalama lwagwo eruuyi n'eruuyi kulimera buli muti ogubaako emmere ogutaliwotoka malagala gaagwo, so n'ebibala byagwo tebiriggwaawo: gulibala ebibala biggya buli mwezi kubanga amazzi gaagwo gava mu watukuvu: n'ebibala byagwo biriba mmere, n'amalagala gaagwo galiba ga ddagala kuwonya.
- 13 Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Eno ye eriba ensalo gye muligabanirako ensi okuba obusika ng'ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri bwe biri: Yusufu aliba n'emigabo.
- 14 Nammwe muligisika buli muntu nga munne: gye nnayimusiza omukono gwange okugiwa bajjajjammwe: era ensi eno eribagwira okuba obusika.
- 15 Era eno ye eriba ensalo y'ensi: ku luuyi olw'obukiika obwa kkono okuva ku mabbali g'ekkubo ery'e Kesulooni okutuuka awayingirirwa e Zedadi;
- 16 Kamasi, Berosa, Sibulayimu ekiri wakati w'ensalo y'e Ddamasiko n'ensalo y'e Kamasi; Kazerukattikoni ekiri ku nsalo y'e Kawulaani.
- 17 N'ensalo eva ku nnyanja eriba Kazalenooni awali ensalo y'e Ddamasiko, ne ku luuyi olw'obukiika obwa kkono obukiika obwa kkono ye eri ensalo y'e Kamasi. Olwo lwe luuyi olw'obukiika obwa kkono.
- 18 N'oluuyi olw'ebuvanjuba wakati w'e Kawulaani ne Ddamasiko ne Gireyaadi n'ensi ya Isiraeri luliba Yoludaani; muligera okuva ku nsalo ey'obukiika obwa kkono okutuuka ku nnyanja ey'ebuvanjuba. Olwo lwe luuyi olw'ebuvanjuba.
- 19 N'oluuyi olw'obukiika obwa ddyo eri obukiika obwa ddyo luliva ku Tamali okutuuka ku mazzi ag'e Meribosukadesi okutuuka ku kagga ak'e Misiri okutuuka ku nnyanja ennene. Olwo lwe luuyi olw'obukiika obwa ddyo mu busimba bwabwo.
- 20 N'oluuyi olw'ebugwanjuba luliba nnyanja nnene okuva ku nsalo ey'obukiika obwa ddyo okutuuka awayolekera awayingirirwa mu Kamasi. Olwo lwe luuyi olw'ebugwanjuba.
- 21 Bwe mutyo bwe muligabana ensi eno mwekka na mwekka, ng'ebika bya Isiraeri bwe biri.
- 22 Awo olulituuka muligigabana n'obululu okuba obusika gye muli n'eri bannaggwanga abaabeera mu mmwe abalizaala abaana mu mmwe; kale baliba gye muli ng'enzaalwa mu baana ba Isiraeri; baliba n'obusika wamu nammwe mu bika bya Isiraeri.

- 23 Awo olulituuka mu buli kika munnaggwanga mw' anaabeeranga eyo gye mulimuwa obusika bwe, bw'ayogera Mukama Katonda.

Essuula 48

- 1 Era gano ge mannya g'ebika okuva ku nkomerero ey' obukiika obwa kkono, ku mabali g'ekkubo Agekesulooni okutuuka awayingirirwa mu Kamasi, Kazalemaani awali ensalo y'e Ddamasiko, ku luuyi olw' obukiika obwa kkono ku mabbali ag'e Kamasi; era baliba n' embiriizi zaabwe nga zitunuulira ebuwanjuba n' ebugwanjuba; Ddaani omugabo gumu.
- 2 N'awali ensalo ya Ddaani, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba; Aseri omugabo gumu.
- 3 N'awali ensalo ya Aseri, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba; Nafutaali omugabo gumu.
- 4 N'awali ensalo ya Nafutaali, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba; Manase omugabo gumu.
- 5 N'awali ensalo ya Manase, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba; Efulayimu omugabo gumu.
- 6 N'awali ensalo ya Efulayimu, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba; Lewubeeni omugabo gumu.
- 7 N'awali ensalo ya Lewubeeni, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba; Yuda omugabo gumu.
- 8 Era awali ensalo ya Yuda, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba, we waliba ekitone kye muliwaayo, obugazi bwakyo emmuli obukumi bubiri mu enkumi ttaano n' obuwanvu nga bwenkana ogumu ku migabo, okuva ku lubiriizi olw' ebuwanjuba okutuuka ku lubiriizi olw' ebugwanjuba: n' awatukuvu waliba mu kyo wakati.
- 9 Ekitone kye muliwaayo eri Mukama kiriba obuwanvu bwakyo emmuli obukumi bubiri mu enkumi ttaano, n' obugazi kakumi.
- 10 N' ekitone ekitukuvu kiriba ky' abo, kya bakabona; eri obukiika obwa kkono obuwanvu obukumi bubiri mu enkumi ttaano, n' eri obugwanjuba obugazi kakumi, n' eri obuwanjuba obugazi kakumi, n' eri obukiika obwa ddyo obuwanvu obukumi bubiri mu enkumi ttaano: n' awatukuvu wa Mukama waliba wakati mu kyo.
- 11 Kiriba kya bakabona abatukuzibwa ab' oku batabani ba Zadoki, abaakuumanga ebyo bye nnalagira; abataawaba nga abaana ba Isiraeri bwe baawaba, nga Abaleevi bwe baawaba.
- 12 Era kiriba gye bali ekitone ekiggibwa ku kitone eky' ensi, ekintu ekitukuvu ennyo, awali ensalo ey' Abaleevi.
- 13 N' Abaleevi baliba n' ekitundu ekyenkana n' ensalo ya bakabona, obuwanvu obukumi bubiri mu enkumi ttaano n' obugazi kakumi: obuwanvu bwonna buliba obukumi bubiri mu enkumi ttaano n' obugazi kakumi:
- 14 So tebakitundanga so tebakiwaanyisanga, so n' ebibala ebibereberye eby' ensi tebi-fuukanga bya balala: kubanga kitukuvu eri Mukama.
- 15 N' enkumi ettaano ezifissewo mu bugazi mu maaso g' obukumi bubiri mu enkumi ttaano ziriba za bantu bonna okulya, za kibuga, za kubeerwamu era za mbuga: era ekibuga kiriba wakati omwo.
- 16 Era kuno kwe kuliba okugerebwa kwawo; olubiriizi olw' obukiika obwa kkono enkumi nnya mu ebikumi bitaano, n' olubiriizi olw' obukiika obwa ddyo enkumi nnya mu ebikumi bitaano, ne ku lubiriizi olw' obuwanjuba, enkumi nnya mu ebikumi bitaano, n' olubiriizi olw' obugwanjuba enkumi nnya mu ebikumi bitaano.

- 17 Era ekibuga kiribaako embuga; eri obukiika obwa kkono ebikumi bibiri mu ataano, n'eri obukiika obwa ddyo ebikumi bibiri mu ataano, n'eri obuvanjuba ebikumi bibiri mu ataano, n'eri obugwanjuba ebikumi bibiri mu ataano.
- 18 N'obuwanvu obufisseewo obwenkana ekitone ekitukuvu buliba kakumi ebuvanjuba n'akakumi ebugwanjuba: era bulyenkana ekitone ekitukuvu; n'ebibala byamu biriba bya kulya eri abo abakola emirimu mu kibuga.
- 19 N'abo abakola emirimu mu kibuga ab'omu bika byonna ebya Isiraeri banaakirimanga.
- 20 Ekitone kyonna kiriba obugazi obukumi bubiri mu enkumi ttaano n'obuwanvu obukumi bubiri mu enkumi ttaano: muliwaayo ekitone ekitukuvu nga kyenkanankana enjuyi zonna, wamu n'obutaka obw'ekibuga.
- 21 N'ekitundu ekifisseewo kiriba kya mulangira, okuliraana ekitone ekitukuvu eruuyi n'eruyi n'obutaka obw'ekibuga, mu maaso g'obukumi obubiri mu enkumi ttaano obw'ekitone, okwolekera ensalo ey'ebuvanjuba, n'ebugwanjuba mu maaso g'obukumi obubiri mu enkumi ettaano okwolekera ensalo ey'ebuvagwanjuba, okwenkana emigabo, kye kiriba eky'omulangira n'ekitone ekitukuvu n'awatukuvu aw'ennyumba biriba wakati omwo.
- 22 Era nate okuva ku butaka obw'Abaleevi n'okuva ku bataka obw'ekibuga, obuli wakati w'ekitundu eky'omulangira, wakati w'ensalo ya Yuda n'ensalo ya Benyamini, waliba wa mulangira.
- 23 N'ebika ebirala; okuva ku lubiriizi olw'ebuvanjuba okutuuka ku lubiriizi olw'ebugwanjuba; Benyamini omugabo gumu.
- 24 N'awali ensalo ya Benyamini okuva ku lubiriizi olw'ebuvanjuba okutuuka ku lubiriizi olw'ebugwaajuba; Simvoni omugabo gumu.
- 25 N'awali ensalo ya Simyoni okuva ku lubiriizi olw'ebuvanjuba okutuuka ku lubiriizi olw'ebugwanjuba; Isakaali omugabo gumu.
- 26 N'awali ensalo ya Isakaali okuva ku Lubiriizi olw'ebuvanjuba okutuuka ku lubiriizi olw'ebugwanjuba; Zebbulooni omugabo gumu.
- 27 N'awali ensalo ya Zebbulooni okuva ku lubiriizi olw'ebuvanjuba okutuuka ku lubiriizi olw'ebugwanjuba; Gaadi omugabo gumu.
- 28 N'awali ensalo ya Gaadi, ku lubiriizi olw'obukiika obwa ddyo mu busimba bwabwo, ensalo eriva ku Tamali n'etuuka ku mazzi ag'e Meribasukadeesi okutuuka ku kagga ak'e Misiri okutuuka ku nnyanja ennene.
- 29 Eyo ye nsi gye muligabanira n'obululu ebika bya Isiraeri okuba obusika, era egyo gye migabo gyabwe kinnakimu, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 30 Era wano ekibuga we kikoma; ku lubiriizi olw'obukiika obwa kkono emmuli enkumi nnya mu ebikumi bitaano ezigerebwa:
- 31 n'emiryango egy'ekibuga giriba ng'amannya g'ebika bya Isiraeri; emiryango esatu egitunuulira obukiika obwa kkono: omulyango gwa Lewubeeni gumu; omulyango gwa Yuda gumu; omulyango gwa Leevi gumu:
- 32 ne ku lubiriizi olw'ebuvanjuba emmuli enkumi nnya mu ebikumi bitaano; n'emiryango esatu: omulyango gwa Yusufu gumu; omulyango gwa Benyamini gumu; omulyango gwa Ddaani gumu:
- 33 ne ku lubiriizi olw'obukiika obwa ddyo emmuli enkumi nnya mu ebikumi bitaano ezigerebwa; n'emiryango esatu: omulyango gwa Simyoni gumu; omulyango gwa Isakaali gumu; omulyango gwa Zebbulooni gumu:
- 34 ku lubiriizi olw'obugwanjuba emmuli enkumi nnya mu ebikumi bitaano, n'emiryango gyabwe esatu: omulyango gwa Gaadi gumu; omulyango gwa Aseri gumu; omulyango gwa Nafutaali gumu.
- 35 Kiriba kya mmuli kakumi mu kanaana okwetooloola: n'erinnya ery'ekibuga okuva ku lunaku olwo liriba nti Mukama ali omwo.

Danyeri

Essuula 1

- 1 Mu mwaka ogw'okusatu mu mirembe gya Yekoyakimu kabaka wa Yuda; Nebukad-duneeza kabaka w'e Babulooni n'ajja e Yerusalemi, n'akizingiza.
- 2 Mukama n'awaayo Yekoyakimu kabaka wa Yuda mu mukono gwe, era n'ebintu eby'omu nnyumba ya Katonda ebimu: n'abitwala mu nsi Sinaali mu ssabo lya katonda we: n'aleeta ebintu mu ggwanika lya katonda we.
- 3 Kabaka n'agamba Asupenaazi omukulu w'abalaawe be, ayingize ku baana ba Isiraeri, ab'omu zzadde lya kabaka n'ery'abakungu:
- 4 abavubuka abataaliko bulema, wabula ab'amaaso amalungi, era abategeevu mu magezi gonna, era abakabakaba mu kutegeera, era abaananya ebiyigirizibwa, era abasaanira okuyimirira mu nnyumba ya kabaka: era abayigirizenga amagezi ag'Abakaludaaya n'olulimi lwabwe.
- 5 Kabaka n'abalagira omugabo ogwa bulijjo ogw'oku mmere ya kabaka, n'ogw'oku mwenge gwe yanywanga, era babaliisize emyaka esatu: bwe giriggwaako balyoke bayimirire mu maaso ga kabaka.
- 6 Ne muba mu abo, ku baana ba Yuda, Danyeri, Kananiya, Misayeri, ne Azaliya.
- 7 N'omukulu w'abalaawe n'abatuuma amannya: Danyeri n'amutuuma Berutesazza: ne Kananiya n'amutuuma Saddulaaki: ne Misayeri n'amutuuma Mesaki: ne Azaliya n'amutuuma Abeduneege.
- 8 Naye Danyeri n'ateesa mu mutima gwe obuteeyonoonyesanga n'emmere ya kabaka, newakubadde n'omwenge gwe yanywanga: kyeyava asaba omukulu w'abalaawe aleme okweyonoonyesanga.
- 9 Ne Katonda n'alabisa Danyeri ekisa n'okusaasirwa mu maaso g'omukulu w'abalaawe.
- 10 Omukulu w'abalaawe n'agamba Danyeri nti Ntidde mukama wange kabaka, eyabala-gira bye munaalyanga ne bye munaanywanga: kubanga kiki ekiriba kimulabya amaaso gammwe nga tegafaanana bulungi ng'abavubuka abenkana nammwe obukulu? Bwe gutyo omutwe gwange gwandirabye akabi eri kabaka.
- 11 Danyeri n'alyoka agamba omusigire, omukulu w'abalaawe gwe yafuza Danyeri; Kananiya, Misayeri, ne Azaliya: nti
- 12 Okemere abaddu bo ennaku kkumi, nkwegayiridde: batuwenga ebijanjaalo okulya, n'amazzi okunywa.
- 13 Amaaso gaffe galyoke gakeberwe w'oli, n'amaaso g'abavubuka abaalyanga ku mmere ya kabaka: era nga bw'oliraba, okole bw'otyoti eri abaddu bo.
- 14 Awo n'abawulira mu bigambo ebyo, n'abakemera ennaku kkumi.
- 15 Awo ennaku ekkumi bwe zaggwa, amaaso gaabwe ne gafaanana bulungi, era baali nga bagezze omubiri, okusinga abavubuka bonna abaalyanga ku mmere ya kabaka.
- 16 Awo omusigire n'abaggyako emmere yaabwe, n'omwenge gwe bandinyweddenga, n'abawa ebijanjaalo.
- 17 Naye abavubuka abo abana, Katonda n'abawa okumanya n'okutegeera mu kuyiga kwonna n'amagezi: Danyeri n'aba omukabakaba mu kwolesebwa kwonna ne mu birooto.
- 18 Awo ennaku bwe zaggwa, kabaka ze yagamba okubayingiza, omukulu w'abalaawe n'abayingiza mu maaso ga Nebukadduneeza.
- 19 Kabaka n'anyumya nabo: ne mu abo bonna ne mutalabika abaali nga Danyeri, Kananiya Misayeri, ne Azaliya: kyebaava bayimirira mu maaso ga kabaka.
- 20 Ne mu buli kigambo eky'amagezi n'eky'okutegeera, kabaka kye yababuza, yabalaba

nga basinga emirundi kkumi abasawo, n'abafumu bonna abaali mu bwakabaka bwe bwonna.

21 Danyeri n'abeerawo okutuusa ku mwaka ogw'olubereberye ogwa Kuulo kabaka.

Essuula 2

- 1** Ne mu mwaka ogw'okubiri mu mirembe gya Nebukadduneeza Nebukadduneeza n'aloota ebirooto: omwoyo gwe ne gweraliikirira, otulo twe ne tumubula.
- 2** Awo kabaka n'alagira bayite abasawo n'abafumu n'emmandwa n'Abakaludaaya, okubuulira kabaka ebirooto bye. Ne bayingira ne bayimirira mu maaso ga kabaka.
- 3** Kabaka n'abagamba nti Ndoose ekirooto, omwoyo gwange ne gweraliikirira okutegeera ekirooto.
- 4** Abakaludaaya ne balyoka bagamba kabaka mu lulimi Olusuuli nti Ai kabaka, obenga omulamu emirembe gyonna: obuulire abaddu bo ekirooto, naffe tunaalaga amakulu gaakyo.
- 5** Kabaka n'addamu n'agamba Abakaludaaya nti Ekigambo kinvuddeko: bwe mutantegeeze ekirooto n'amakulu gaakyo, munaatemebwatemebwa, n'ennyumba zammwe zirifuuka mmungo.
- 6** Naye bwe munaalaga ekirooto n'amakulu gaakyo, munaaweebwa nze ebirabo n'empeera n'ekitiibwa kingi: kale mundage ekirooto n'amakulu gaakyo.
- 7** Ne baddamu omulundi ogw'okubiri ne boogera nti Kabaka abuulire abaddu be ekirooto, naffe tunaalaga amakulu.
- 8** Kabaka n'addamu n'ayogera nti Ntegeeredde ddala nga mwagala okufuna ebbanga, kubanga mulabye ng'ekigambo kinvuddeko.
- 9** Naye bwe mutantegeeze ekirooto, waliwo etteeka limu gye muli: kubanga muteese-teese okulimba n'ebigambo ebivundu okwogera mu maaso gange okutuusa ebiro lwe biriwaanyisibwa: kale mumbuulire ekirooto, nange ndyoke ntegeere nga muyinza okundaga amakulu gaakyo.
- 10** Abakaludaaya ne baddiramu mu maaso ga kabaka, ne boogera nti Tewali muntu mu nsi n'omu ayinza okulaga ekigambo kya kabaka: kubanga tewali kabaka newakubadde omukungu newakubadde owessaza eyali abuuzizza ekigambo ekifaanana bwe kityo omusawo yenna newakubadde omufumu yenna newakubadde Omukaludaaya yenna.
- 11** Era ekigambo kino tekirabwanga kabaka ky'awaliriza, so tewali ayinza okukiraga mu maaso ga kabaka, wabula bakatonda abatatuula na balina emibiri.
- 12** Kabaka kyeyava asunguwala ne yeejuumuula nnyo, n'alagira okutta abagezigezi bonna ab'e Babulooni.
- 13** Etteeka ne liteekebwa, abagezigezi ne bagenda okubatta: ne banoonya Danyeri ne banne okubatta.
- 14** Awo Danyeri n'addamu n'amagezi n'obukabakaba Aliyooki omwami wa baserikale ba kabaka, eyajja okutta abagezigezi ab'e Babulooni:
- 15** n'addamu n'agamba Aliyooki omwami wa kabaka nti Kiki ekyanguyiriza bwe kityo etteeka eriva eri kabaka? Aliyooki n'alyoka ategeeza Danyeri ekigambo ekyo.
- 16** Danyeri n'ayingira ne yeegayirira kabaka okumuteekerawo olunaku, naye ng'aliraga kabaka amakulu.
- 17** Awo Danyeri n'agenda mu nnyumba ye, n'ategeeza ekigambo ekyo Kananiya, Misay-eri ne Azaliya, banne:
- 18** basabe Katonda ow'omu ggulu okubasaasira olw'ekyama ekyo: Danyeri ne banne baleme okuzikirira awamu n'abagezigezi abalala ab'e Babulooni.
- 19** Ekyama ne kiryoka kibikkulirwa Danyeri mu kwolesebwa okw'ekiro. Danyeri n'alyoka yeebaza Katonda ow'omu ggulu.

- 20 Danyeri n'addamu n'agamba nti Lyebazibwenga erinnya lya Katonda emirembe n'emirembe: kubanga amagezi n'amaanyi gage:
- 21 era oyo ye awaanyisa ebiro n'ebiseera: aggyawo bakabaka, era assaawo bakabaka: awa amagezi abagezigezi, n'okumanya eri abo abamanya okutegeera:
- 22 abikkula ebigambo eby'obuziba eby'ekyama: ebiri mu kizikiza abimanyi, era omusana gubeera naye.
- 23 Nkwebaza, nkutendereza, ai ggwe Katonda wa bajjajjange, ampadde amagezi n'amaanyi, era antegeezezza kaakano bye twakusabye: kubanga otutegeezezza ekigambo kya kabaka.
- 24 Danyeri kyeyava ayingira eri Aliyooki, kabaka gwe yali ateeseewo okuzikiriza abagezigezi ab'e Babulooni: n'agenda n'amugamba bw'ati nti Tozikiriza bagezigezi ab'e Babulooni: nnyingiza mu maaso ga kabaka, nange naalaga kabaka amakulu.
- 25 Awo Aliyooki n'ayanguwa n'ayingiza Danyeri mu maaso ga kabaka, n'amugamba bw'ati nti Ndabye omusajja ow'omu baana ab'omu bunyage bwa Yuda, anaategeeza kabaka amakulu.
- 26 Kabaka n'addamu n'agamba Danyeri, erinnya lye Berutesazza, nti Ggwe oyinza okuntegeeza ekirooto kye nnalaba, n'amakulu gaakyo?
- 27 Danyeri n'addiramu mu maaso ga kabaka, n'ayogera nti Ekyama kabaka ky'awalirizza, abagezigezi tebayinza kukiraga kabaka newakubadde abafumu newakubadde abasawo newakubadde abalaguzi:
- 28 naye waliwo Katonda mu ggulu abikkula ebyama, era ategeezezza kabaka Nebukad-duneeza ebiribaawo mu nnaku ez'enkomerero. Ekirooto kyo, era omutwe gwo bye gwayolesebwa ku kitanda kyo, bye biibino
- 29 ggwe, ai kabaka, ebirowoozo byo ne bikujjira ku kitanda kyo, ebiribaawo oluvan-nyuma: naye abikkula ebyama akutegeezezza ebiribaawo.
- 30 Naye nze ekyama kino tekimbikkuliddwa nze olw'amagezi gonna ge nnina okusinga omuntu yenna omulamu, naye kyekivudde kimbikkulirwa kabaka ategeezebwe amakulu, naawe otegeere ebirowoozo eby'omu mutima gwo.
- 31 Ggwe, ai kabaka, watunula, era, laba, ekifaananyi ekinene. Ekifaananyi ekyo, eky'amaanyi, ekyamasamasa ennyo nnyini ne kiyimirira mu maaso go: n'engeri yaakyo ya ntiisa.
- 32 Ekifaananyi ekyo, omutwe gwakyo gwa zaabu nnungi, ekifuba kyakyo n'emikono gyakyo bya ffeeza, olubuto lwakyo n'ebisambi byakyo bya kikomo, amagulu gaakyo ga kyuma,
- 33 ebigere byakyo ekitundu kya kyuma, n'ekitundu kya bbumba.
- 34 Watunula okutuusa ejjinja lwe lyatemebwa awatali ngalo, ne likuba ekifaananyi ebigere eby'ekyuma n'ebbumba, ne libimenyaamenya.
- 35 Ekyuma, n'ebbumba n'ekikomo, ne ffeeza, ne zaabu ne biryoka bimenyekamenyekera wamu, ne bifuuka ng'ebisusunku eby'omu gguuliro ekyanda nga kituuse: empewo ne zibitwalira ddala bwe zityo n'okulaba ne bitalaba bbanga: n'ejjinja eryakuba ekifaananyi ne lifuuka olusozi olunene, ne lijjula ensi zonna.
- 36 Ekirooto kye kiikyo: era tunaayatula amakulu gaakyo mu maaso ga kabaka.
- 37 Ggwe, ai kabaka, oli kabaka wa bakabaka, Katonda ow'eggulu gwe yawa obwak-abaka, n'obuyinza, n'amaanyi, n'ekitiibwa:
- 38 era abaana b'abantu gye batuula yonna, yagaba ensolo ez'omu nsiko n'ennyonyi ez'omu ggulu mu mukono gwo, era yakubifuza ggwe byonna: ggwe oli mutwe gwa zaabu.
- 39 Era walikuddirira obwakabaka obulala, bw'osinga ggwe, bulibaawo: n'obwakabaka obulala obw'okusatu obw'ekikomo obulifuga ensi zonna.
- 40 N'obwakabaka obw'okuna buliba bwa maanyi ng'ekyuma: kubanga ekyuma

kimenyaamenya ebintu byonna, era kibijeemulula: era ng'ekyuma ekibetenta ebyo byonna, bwe bulimenyaamenya bwe bulibetenta bwe butyo.

- 41 Era kubanga walaba ebigere n'obugere, ekitundu kya bbumba ery'omubumbi, n'ekitundu kya kyuma, obwakabaka buliba bwawulemu: naye muliba mu bwo ku maanyi g'ekyuma, kubanga walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba ery'ettosi.
- 42 Era ng'obugere bwe bwali ekitundu kya kyuma, n'ekitundu kya bbumba, era n'obwakabaka bwe buliba bwe butyo, ekitundu kya maanyi, n'ekitundu kimenyefu.
- 43 Era kubanga walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba ery'ettosi, balyetabula n'ezzadde ly'abantu: naye tebaligattagana bokka na bokka, era ng'ekyuma bwe kiteetabula na bbumba.
- 44 Era mu mirembe gya bakabaka abo, Katonda ow'eggulu alissaawo obwakabaka, obutalizikirizibwa emirembe gyonna, so n'okufuga kwabwo tekulirekerwa ggwanga ddala: naye bulimenyaamenya era bulizikiriza obwakabaka obwo bwonna, era bunaabeereranga emirembe gyonna.
- 45 Kubanga walaba ejjinja nga lyatemebwa mu lusozi awatali ngalo, era nga lyamenyaamenya ekyuma, n'ekikomo, n'ebbumba, ne ffeeza, ne zaabu: Katonda omukulu ategeezezza kabaka ebiribaawo oluvannyuma: era ekirooto kya mazima ddala, n'amakulu gaakyo tegabusibwabusibwa.
- 46 Awo kabaka Nebukadduneeza n'alyoka avuunama amaaso ge n'asinza Danyeri, n'alagira okumuwa ssaddaaka n'omugavu.
- 47 Kabaka n'addamu Danyeri n'ayogera nti Mazima Katonda wammwe ye Katonda wa bakatonda, era ye Mukama wa bakabaka; era ye mubikkuzi w'ebyama, kubanga oyinzizza okubikkula ekyama ekyo.
- 48 Kabaka n'alyoka afuula Danyeri omukulu, n'amuwa ebirabo bingi ebinene, n'amuwa okufuga essaza lyonna ery'e Babulooni, era okuba omwami omukulu ow'abagezigezi bonna ab'e Babulooni.
- 49 Danyeri n'asaba kabaka, n'akuza Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege, mu bigambo eby'essaza ery'e Babulooni: naye Danyeri n'abeera mu wankaaki wa kabaka.

Essuula 3

- 1 Nebukadduneeza kabaka yakola ekifaananyi ekya zaabu, obuwanvu bwakyo emikono nkaaga, n'obugazi bwakyo emikono mukaaga: n'akiyimiriza mu lusenyi lwa Dduula, mu ssaza ery'e Babulooni.
- 2 Awo Nebukadduneeza kabaka n'atuma okukuaanya abaamasaza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abalamuzi, n'abawanika, n'abakungu, n'ab'amateeka, n'abakulu bonna ab'omu masaza, bajje eri ekifaananyi Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza bwe kiriwongebwa.
- 3 Awo abaamasaza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abalamuzi n'abawanika, n'abakungu, n'ab'amateeka, n'abakulu bonna ab'omu masaza, ne bakuaana olw'okuwonga ekifaananyi Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza: ne bayimirira mu maaso g'ekifaananyi Nebukadduneeza kye yayimiriza.
- 4 Awo omulangirizi n'ayogerera waggulu nti Mmwe mulagirwa, mmwe abantu, amawanga, n'ennimi,
- 5 bwe munaawulira eddoozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere, na buli ngeri yonna evuga, ne mulyoka muvuunama ne musinza ekifaananyi ekya zaabu Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza:
- 6 era buli anaalema okuvuunama n'okusinza mu kiseera ekyo alisuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro.
- 7 Awo abantu bonna bwe baawulira eddoozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga;

n'amadinda, n'ekidongo, na buli ngeri yonna evuga, abantu bonna amawanga, n'ennimi, ne balyoka bavuunama ne basinza ekifaananyi ekya zaabu Nebukadduneeza kabaka kye yayimiriza.

- 8 Awo mu biro ebyo Abakaludaaya abamu ne bajja, ne baloopa Abayudaaya.
- 9 Ne baddamu ne bagamba Nebukadduneeza kabaka nti Ai kabaka, obeerenga omulamu emirembe gyonna.
- 10 Ggwe, ai kabaka, wateeka etteeka, nti buli anaawulira eddoozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere, na buli ngeri yonna evuga, anaavuunama n'asinza ekifaananyi ekya zaabu:
- 11 era buli anaalema okuvuunama n'okusinza alisuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro.
- 12 Waliwo Abayudaaya abamu be wakuza mu bigambo eby'essaza ery'e Babulooni, Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege: abasajja abo, ai kabaka, tebakulowoozezza: tebaweereza bakatonda bo, so tebasinza kifaananyi kya zaabu kye wayimiriza.
- 13 Awo Nebukadduneeza n'alyoka asunguwala ne yeejuumuula n'alagira okuleeta Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege. Awo ne baleeta abasajja abo mu maaso ga kabaka.
- 14 Nebukadduneeza n'addamu n'abagamba nti Mmwe Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege, mukigenderedde bugenderezi obutaweereza katonda wange, n'obutasinza kifaananyi kya zaabu kye nnayimiriza.
- 15 Kale nno, bwe munakkiriza nga muwulidde eddoozi ly'akagombe, n'endere, n'ennanga, n'amadinda, n'ekidongo, n'ekkondeere, na buli ngeri yonna evuga, okuvuunama n'okusinza ekifaananyi kye nnakola, kale: naye bwe mutaasinze, mu kiseera ekyo munaasuulibwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro: era katonda aluwa oyo anaabawonya mu mikono gyange?
- 16 Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege ne baddamu ne bagamba kabaka nti Ai Nebukadduneeza, tekitugwanira kukuddamu mu kigambo ekyo.
- 17 Bwe kinaaba bwe kityo; Katonda waffe gwe tuweereza ayinza okutuwonya mu kikoomi ekyaka n'omuliro: era anaatuwonya mu mukono gwo, ai kabaka.
- 18 Naye bwe kitaabe bwe kityo, tegeera, ai kabaka, nga tetugenda kuweereza bakatonda bo, newakubadde okusinza ekifaananyi ekya zaabu kye wayimiriza.
- 19 Awo Nebukadduneeza n'alyoka yeejuumuulira ddala, n'engeri y'amaaso ge n'ewaanyisibwa eri Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege: n'ayogera, n'alagira ekikoomi kyake emirundi musanvu okukira bwe kyali kyase.
- 20 N'alagira ab'amaanyi abamu ab'omu ggye lye okusiba Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege, okubasuula mu kikoomi ekyaka n'omuliro.
- 21 Awo abasajja abo ne balyoka babasiba nga bambadde seruwale zaabwe, n'ebizibawo byabwe n'eminagirowo gyabwe, n'engoye, zaabwe endala, ne babasuula wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro.
- 22 Awo kubanga kabaka yabakuutirira ddala, n'ekikoomi nga kyase nnyo, ennimi z'omuliro ne zitta abasajja abo abaakwata Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege.
- 23 N'abasajja abo abasatu, Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege ne bagwa wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro, nga basibiddwa.
- 24 Awo Nebukadduneeza kabaka n'alyoka yeewuunya, n'ayanguwa n'agolokoka: n'ayogera n'agamba abakungu be nti Tetusudde basajja basatu nga basibiddwa wakati mu muliro? Ne baddamu ne bagamba kabaka nti Mazima, ai kabaka.
- 25 N'addamu n'ayogera nti Laba, nze ndaba abasajja bana nga basumuluddwa, nga batambulira wakati mu muliro, so nga tebaliiko kabi: n'okufaanana kw'ow'okuna kulianga omwana wa bakatonda.
- 26 Nebukadduneeza n'alyoka asemblera ku mulyango gw'ekikoomi ekyaka n'omuliro: n'ayogera nti Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneege, mmwe abaddu ba Katonda ali

waggulu ennyo, mufulume mujje wano. Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneego ne balyoka bafuluma wakati mu muliro.

- 27 N'abaamasaza, n'abamyuka, n'abafuga; n'abakungu ba kabaka ne bakuaana ne balaba abasajja abo, ng'omuliro teguyinzizza mibiri gyabwe, so n'enviiri ez'oku mitwe gyabwe nga tezisiridde, so n'engoye zaabwe nga teziwaanyisibwa, so n'olusu lw'omuliro nga terubabaddeeko.
- 28 Nebukadduneeza n'ayogera nti Katonda wa Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego yebazibwe, atumye malayika we, era awonyezza abaddu be abamwesize ne bawaanyisa ekigambo kya kabaka, ne bawaayo emibiri gyabwe, baleme okuweereza newakubadde okusinza katonda yenna, wabula Katonda waabwe bo.
- 29 Kyenya nteeka etteeka, nga buli bantu, n'egwanga, n'olulimi, abanaayogeranga obubi bwonna ku Katonda wa Saddulaaki, Mesaki, ne Abedunego, balitemebwatemebwa, n'ennyumba zaabwe zirifuulibwa olubungo: kubanga tewali katonda mulala ayinza okuwonya mu ngeri eyo.
- 30 Kabaka n'alyoka akuza Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego, mu ssaza ery'e Babulooni.

Essuula 4

- 1 Nebukadduleeza kabaka nze mbawandiikidde abantu bonna, amawanga, n'ennimi, abatuula mu nsi zonna: emirembe gyeyongere gye muli.
- 2 Ndabye nga kirungi okulaga obubonero n'eby'amagero Katonda Ali waggulu ennyo bye yakola gye ndi.
- 3 Obubonero bwe nga bukulu! n'eby'amagero bye nga bya maanyi! obwakabaka bwe bwe bwakabaka obutaliggwaawo, n'okufuga kwe kwa mirembe na mirembe.
- 4 Nze Nebukadduleeza nali mpummulidde mu nnyumba yange, era nga njeerera mu lubiri lwange.
- 5 Ne ndaba ekirooto ekyantiisa; n'ebyo bye nnalowoolezanga ku kitanda kyange, n'omutwe gwange bye gwayolesebwa, ne binneeraliikiriza.
- 6 Kyenava nteeka etteeka okuyingiza gye ndi abagezigezi bonna ab'e Babulooni bantegeeze amakulu g'ekirooto.
- 7 Awo ne bayingira abasawo, n'abafumu, n'Abakaludaaya, n'abalaguzi: ne njatulira ekirooto mu maaso gaabwe: naye ne batantegeeze makulu gaakyo.
- 8 Naye oluvannyuma Danyeri n'ayingira gye ndi, erinnya lye Berutesazza, ng'erinnya lya katonda wange bwe liri, era omuli omwoyo gwa bakatonda abatukuvu; ne njatulira ekirooto mu maaso ge nti
- 9 Ggwe Berutesazza, omukulu w'abasawo, kubanga mmanyi ng'omwoyo gwa bakatonda abatukuvu guli mu ggwe, so nga tewali kyama ekikweraliikiriza, mbuulira bye nnayolesebwa mu kirooto kyange kye ndabye, n'amakulu gaakyo.
- 10 Omutwe gwange bye gwayolesebwa ku kitanda kyange byali bwe biti: natunula, era, laba, omuti wakati mu nsi, n'obuwanvu bwagwo bunene.
- 11 Omuti ne gukula, ne guba gwa maanyi, n'obuwanvu bwagwo ne butuuka mu ggulu, n'okulengerwa kwagwo ne kutuuka ku nkomerero y'ensi zonna.
- 12 Amalagala gaagwo malungi, n'ebibala byagwo bingi, era mu gwo nwalimu emmere emala bonna: ensolo ez'omu nsiko zeggamanga nu kisiikirize kyagwo, n'ennyonyi z'omu ggulu ne zituula ku matabi gaagwo, ne byonna ebirina emibiri ne bigulyangako.
- 13 Nalaba mu ebyo omutwe gwange bye gwayolesebwa ku kitanda kyange, era laba, omutunuzi era omutukuvu n'akka ng'ava mu ggulu.
- 14 N'ayogerera waggulu, n'agamba bw'ati nti Temera ddala omuti, ogutemeko amaabi

gaagwo, ogukunkumuleko amaagala gaagwo, osaasaanye ebibala byagwo: ensolo zive wansi waagwo, n'ennyonyi ku matabi gaagwo.

- 15 Era naye ekikonge ky'ekikolo kyagwo kireke mu ttaka, nga kiriko ekyuma ekisiba n'ekikomo, mu muddo omugonvu ogw'omu nsiko: era kitobenga omusulo ogw'omu ggulu, n'omugabo gwe gubenga n'ensolo mu muddo ogw'ensi:
- 16 omutima gwe guwaanyisibwe obutaba gwa muntu, aweebwe omutima gw'ensolo: era ebisera omusanvu bimuyiteko.
- 17 Omusango ogwo guvudde mu tteeka ery'abatunuzi, n'okuteesa okwo kuvudde mu kigambo eky'abatukuvu: abalamu balyoke bategeere ng'Oyo Ali waggulu ennyo ye afugira mu bwakabaka bw'abantu, era ng'abuwa buli gw'ayagala, era ng'akuza ku bwo asinga abantu bonna obunaku.
- 18 Ekirooto ekyo nze kabaka Nebukadduneeza nakirabye: naawe, gwe Berutesazza, tegeeza amakulu, kubanga abagezigezi bonna ab'omu bwakabaka bwange tebayinza kutegeeza makulu: naye ggwe oyinza, kubanga omwoyo gwa bakatonda abatukuvu guli mu ggwe.
- 19 Awo Danyeri, erinnya lye Berutesazza, n'alyoka yeewuunya akaseera, n'ebirowoozo bye ne bimweraliikiriza. Kabaka n'addamu n'ayogera nti Berutesazza, ekirooto kireme okukweraliikiriza newakubadde amakulu. Berutesazza n'addamu n'agamba nti Mukama wange, ekirooto kibe eri abo abakukyawa, n'amakulu gaakyo eri abalabe bo.
- 20 Omuti gwe walabye, ogwameze ne guba gwa maanyi, obuwanvu bwagwo ne butuuka mu ggulu, n'okulengerwa kwagwo mu nsi zonna:
- 21 amalagala gaagwo malungi, n'ebibala byagwo bingi, era mu gwo mulimu emmere emala bonna: n'ensolo ez'omu nsiko ne zibeera wansi waagwo, n'ennyonyi ez'omu ggulu ne zituula ku matabi gaagwo,
- 22 ye ggwe, ai kabaka, akuze n'oba wa maanyi: kubanga obukulu bwo bukuze, ne butuuka mu ggulu, n'okufuga kwo ku nkomerero y'ensi zonna.
- 23 Era kubanga kabaka yalabye omutunuzi era omutukuvu ng'akka ng'ava mu ggulu, era ng'ayogera nti Temera ddala omuti, oguzikirize: era naye ekikonge ky'ekikolo kyagwo kirekere mu ttaka: nga kiriko ekyuma ekisiba n'ekikomo, mu muddo omugonvu ogw'omu nsiko: era kitobenga n'omusulo ogw'omu ggulu, n'omugabo gwe gubenga n'ensolo ez'omu nsiko: okutuusa ebiseera omusanvu lwe birimuyitako:
- 24 amakulu ge gano ai kabaka, era lye tteeka ly'Oyo Ali waggulu ennyo, erijjidde mukama wange kabaka:
- 25 ng'oligobebwa okuva mu bantu, era olibeera wamu n'ensolo ez'omu nsiko, era oliriis-ibwa omuddo ng'ente, era olitoba omusulo ogw'omu ggulu, era ebiseera omusanvu birikuyitako: okutuusa lw'olitegeera ng'Oyo Ali waggulu ennyo ye afugira mu bwakabaka bw'abantu, era abuwa buli gw'ayagala.
- 26 Era kubanga balagidde okuleka ekikonge ky'ekikolo ky'omuti: obwakabaka bwo bulinywera gy'oli bw'olimala okutegeera ng'eggulu lye lifuga.
- 27 Kale, ai kabaka, okuteesa kwange kukkirizibwe mu maaso go, era omalire ddala ebibi byo ng'okola eby'obutuukirivu, n'ebikolwa byo ebitali bya butuukirivu ng'osaasira abaavu, mpozzi okuwummula kwo kwongerweko.
- 28 Ebyo byonna byatuuka ku kabaka Nebukadduneeza.
- 29 Emyezi kkumi n'ebiri bwe gyayitawo, yali atambula mu lubiri lw'e Babulooni.
- 30 Kabaka n'ayogera nti Kino si Babulooni ekikulu, kye nnazimba okuba ennyumba ya bakabaka n'amaanyi ag'obuyinza bwange n'olw'ekitiibwa eky'obukulu bwange?
- 31 Ekigambo kyali nga kikyali mu kamwa ka kabaka, eddoboosi ne ligwa nga liva mu ggulu, nti Ggwe kabaka Nebukadduneeza, kyogerwa eri ggwe: obwakabaka bukuvuddeko.
- 32 Era onoogobebwa okuva mu bantu, era olibeera wamu n'ensolo ez'omu nsiko: era

oliriisibwa omuddo ng'ente, era ebiseera omusanvu birikuyitako: okutuusa lw'olitegeera ng'Oyo Ali waggulu ennyo ye afugira mu bwakabaka bw'abantu, era abuwa buli gw'ayagala.

- 33 Mu ssaawa eyo ekigambo ne kituukiririra Nebukadduneeza: n'agobebwa okuva mu bantu, n'alya omuddo ng'ente, n'omubiri gwe ne gutoba omusulo ogw'omu ggulu, okutuusa enviiri ze lwe zaakula nga ebyoya by'empungu, n'enjala ze nga enjala z'ennyonyi.
- 34 Ennaku ezo bwe zaggwa nze Nebukadduneeza ne nnyimusa amaaso gange eri eggulu, amagezi gange ne ganziramu, ne nneebaza Oyo Ali waggulu ennyo, ne mmutendereza ne mmuwa ekitiibwa oyo abeera omulamu emirembe n'emirembe, kubanga okufuga kwe kwe kufuga okutaliggwaawo, n'obwakabaka bwe bwa mirembe na mirembe:
- 35 n'abo bonna abatuula mu nsi abalowooza nga si kintu: era akola nga bw'ayagala mu ggye ery'omu ggulu, era ne mu abo abatuula mu nsi: so siwali ayinza okuziyiza omukono gwe, newakubadde okumugamba nti Okola ki?
- 36 Mu kiseera ekyo amagezi gange ne ganziramu: n'olw'ekitiibwa eky'obwakabaka bwange, obukulu bwange n'okumasamasa kwange ne binziramu: n'abakungu bange n'abaami bange ne bannoonya; ne nnywezebwa mu bwakabaka bwange, n'obukulu obungi ennyo ne bunnyongerwako.
- 37 Kale nze Nebukadduneeza mmutendereza era mmugulumiza era mmuwa ekitiibwa Kabaka w'eggulu: kubanga emirimu gye gyonna mazima, n'amakubo ge ga nsonga: n'abo abatambulira mu malala ayinza okubajeeza.

Essuula 5

- 1 Berusazza kabaka yafumbira embaga ennene abaami be lukumi, n'anywera omwenge mu maaso g'abo olukumi.
- 2 Berusazza, bwe yali ng'alega ku mwenge, n'alagira okuleeta ebintu ebya zaabu n'ebya ffeeza Nebukadduneeza kitaawe bye yaggya mu yeekaalu eyali mu Yerusaalemi: kabaka n'abaami be, abakyala be n'abazaana be, babinywese.
- 3 Awo ne baleeta ebintu ebya ffeeza ebyaggibwa mu yeekaalu ey'ennyumba ya Katonda eyali mu Yerusaalemi: ne kabaka n'abaami be, abakyala be n'abazaana be, ne babinywesa.
- 4 Ne banywa omwenge, ne batendereza bakatonda aba zaabu n'aba ffeeza, ab'ebikomo, ab'ebyuma, ab'emitu, n'ab'amayinja.
- 5 Mu ssaawa eyo ne walabika engalo z'omukono gw'omuntu, ne ziwandiika mu maaso g'ettabaaza ku ttaka ery'oku kisenge eky'olubiri: kabaka n'alaba ekitundu ky'omukono nga kiwandiika.
- 6 Awo amaaso ga kabaka ne gawaanyisibwa gy'ali, n'ebirowoozo bye ne bimweraliikiriza: n'ennyingo ez'omu kiwato kye ne ziddirira, n'amaviivi ge ne gakubagana.
- 7 Kabaka n'ayogerera waggulu okuyingiza abafumu, n'Abakaludaaya, n'abalaguzi. Kabaka n'ayogera n'agamba abagezigezi ab'e Babulooni nti Buli anaasoma okuwandiika kuno, era anandaga amakulu gaakwo, alyambazibwa olw'effulungu, era aliba n'omukuufu ogwa zaabu mu bulago bwe, era aliba mukulu ow'okusatu mu bwakabaka.
- 8 Awo ne muyingira abagezigezi bonna aba kabaka: naye ne batayinza kusoma kuwandiika okwo, newakubadde okutegeeza kabaka amakulu.
- 9 Kabaka Berusazza n'alyoka yeeraliikirira nnyo, amaaso ge ne gawaanyisibwa gy'ali: abaami be ne babulwa amagezi.
- 10 Awo kaddulubaale n'ayingira mu nju ey'embaga olw'ebigambo bya kabaka n'abaami be; kaddulubaale n'ayogera nti Ai kabaka, obenga omulamu emirembe gyonna:

- ebirowoozo byo bireme okukweraliikiriza, so n'amaaso go galeme okuwaanyisibwa:
- 11** waliwo omusajja mu bwakabaka bwo, omuli omwoyo gwa bakatonda abatukuvu: ne mu mirembe gya kitaawo omusana n'okutegeera n'amagezi, ng'amagezi ga bakatonda, byalabikira mu oyo: ne kabaka Nebukadduneeza kitaawo, kabaka, kitaawo, n'amufuula omukulu w'abasawo, n'abafumu, n'Abakaludaaya, n'abalaguzi:
 - 12** kubanga omwoyo omulungi ennyo, n'okumanya, n'okutegeera, n'okulootolola ebirooto, n'okulaga ebigambo eby'ekyama, n'okuzingulula ebyabuusibwabuusibwa, byalabikira mu Danyeri oyo, kabaka gwe yatuuma Berutesazza. Kale bayite Danyeri, naye anaalaga amakulu.
 - 13** Awo Danyeri n'alyoka ayingizibwa mu maaso ga kabaka. Kabaka n'ayogera n'agamba Danyeri nti Ggwe Danyeri oyo, ow'omu baana ab'obunyage bwa Yuda, kabaka kitange be yaggya mu Yuda?
 - 14** Nkuwuliddeko, ng'omwoyo gwa bakatonda guli mu ggwe, era ng'omusana n'okutegeera n'amagezi amalungi ennyo birabikira mu ggwe.
 - 15** Ne kaakano abagezigezi, abafumu, bayingizibwa mu maaso gange, basome okuwandiika okwo, era bantegeeze amakulu gaakwo: naye ne batayinza kulaga makulu ga kigambo ekyo.
 - 16** Naye ggwe nkuwuliddeko, ng'oyinza okulootolola n'okuzingulula ebibuusibwabuusibwa: kale bw'onooyinza okusoma ebiwandiikiddwa ebyo, n'okuntegeeze amakulu gaabyo, onooyambazibwa olw'effulungu, era oliba n'omukuufu ogwa zaabu mu bulago bwo, era oliba mukulu ow'okusatu mu bwakabaka.
 - 17** Awo Danyeri n'addamu n'ayogerera mu maaso ga kabaka nti Ebirabo byo beera nabyo ggwe, n'empeera yo ogiwe omulala: era naye naasomera kabaka ebiwandiikiddwa, ne mmutegeeze amakulu.
 - 18** Ai ggwe kabaka, Katonda Ali waggulu ennyo yawa Nebukadduneeza kitaawo obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa, n'obukulu:
 - 19** era olw'obuyinza bwe yamuwa, abantu bonna, amawanga, n'ennimi ne bakankana ne batya mu masao ge: yattanga gwe yayagalanga okutta; era yalamyanga gwe yayagalanga okulamyanga; era yagulumizanga gwe yayagalanga okugulumiza, era yatoowazanga gwe yayagalanga okutoowaza.
 - 20** Naye omutima gwe bwe gwegulumiza, n'omwoyo gwe ne gukakanyala bw'atyo n'okukola n'akola eby'amalala, n'alyoka agobebwa ku ntebe ye ey'obwakabaka, ne bamuggyako ekitiibwa kye:
 - 21** n'agobebwa okuva mu baana b'abantu: n'omutima gwe ne gufuusibwa ng'ogw'ensolo, n'abeera wamu n'entulege n'aliisibwa omuddo ng'ente, omubiri gwe ne gutoba omusolo ogw'omu ggulu: okutuusa lwe yategeera nga Katonda Ali waggulu ennyo ye afuga mu bwakabaka bw'abantu, era ng'akuza ku bwo buli gw'ayagala.
 - 22** Naawe omwana we, ai Berusazza, tonnatoowaza mutima gwo, newakubadde nga wamanya ebyo byonna:
 - 23** naye weegulumiza eri Mukama w'eggulu: ne baleeta ebintu eby'omu nnyumba ye mu maaso go, naawe n'abaami bo, abakyala bo n'abazaana bo, ne mubinywesa omwenge: n'otendereza bakatonda aba ffeeza, n'aba zaabu, ab'ebikomo, ab'ebyuma, ab'emititi, n'ab'amayinja, abatalaba, so tebawulira, so tebategeera: ne Katonda oyo alina omukka gwo mu mukono gwe, era nannyini makubo go gonna, tomuwa kitiibwa:
 - 24** ekitundu ky'omukono ne kiryoka kitumibwa okuva mu maaso ge, n'ebiwandiikiddwa ebyo ne biwandiikibwa.
 - 25** Era ebiwandiikiddwa bye biibino, nti MENE, MENE, TEKEL, UFARSIN.
 - 26** Amakulu g'ekigambo ge gano: MENE; Katonda abaze obwakabaka bwo, era abukomezza.
 - 27** TEKEL; ogereddwa mu kigera, era olabise nga obulako.

- 28 PERES; obwakabaka bwo bugabiddwa, buweereddwa eri Abameedi n'Abaperusi.
- 29 Berusazza n'alyoka alagira, ne bayambaza Danyeri olw'effulungu, n'amwambika omukuufu ogwa zaabu mu bulago bwe, n'alangirira ku ye nga ye anaabanga omukulu ow'okusatu mu bwakabaka.
- 30 Mu kiro ekyo Berusazza kabaka Omukaludaaya n'attibwa.
- 31 Daliyo Omumeedi n'aweewwa obwakabaka, bwe yali nga yaakamaze emyaka nga nkaaga mu ebiri.

Essuula 6

- 1 Daliyo yalaba nga kirungi okukuza mu bwakabaka abaamasaza kikumi mu abiri, abalibuna obwakabaka bwonna:
- 2 nga waggulu waabwe eriyo abakulu basatu, omu ku abo nga ye Danyeri: abaamasaza abo babalenga omusolo mu maaso gaabwe, kabaka aleme okufiirwa.
- 3 Awo Danyeri oyo n'agulumizibwa okusinga abakulu n'abaamasaza, kubanga omwoyo omulungi ennyo gwali mu ye: era kabaka yali alowooza okumuwa okufuga obwakabaka bwonna.
- 4 Abakulu n'abaamasaza ne balyoka banoonya ensonga eneesinga Danyeri mu bigambo eby'obwakabaka: naye ne batayinza kulaba nsonga newakubadde akabi: kubanga yali mwesigwa, so ne watalabika mu ye kwonoona kwonna newakubadde akabi.
- 5 Awo abasajja abo ne boogera nti Tetugenda kulaba nsonga eneesinga Danyeri oyo, bwe tutaligiraba eri ye mu bigambo eby'amateeka ga Katonda we.
- 6 Awo abakulu abo n'abaamasaza ne bakuaana eri kabaka, ne bamugamba bwe bati nti Kabaka Daliyo, obenga omulamu emirembe gyonna.
- 7 Abakulu bonsatule ab'obwakabaka, abamyuka n'abaamasaza, abakungu n'abafuga, bateesezza wamu okuteeka etteeka lya kabaka, n'okulagira ekiragiro ekinywevu, nga buli anaasabanga katonda yenna oba muntu yenna ennaku amakumi asatu, wabula ng'asabye ggwe, ai kabaka, alisuulibwa mu mpuku ey'empologoma.
- 8 Kale, ai kabaka, lagira ekiragiro ekyo, era osse akabonero ko ku biwandiikiddwa ebyo, bireme okuwaanyisibwa, ng'amateeka ag'Abameedi n'Abaperusi bwe gali, agatajjulukuka.
- 9 Kabaka Daliyo kyeyava assa akabonero ke ku biwandiikiddwa n'ekiragiro.
- 10 Awo Danyeri bwe yananya ng'ebiwandiikiddwa bissibbwako akabonero, n'ayingira mu myumba ye: (era amadirisa ge gaali gagguddwawo mu nju ye nga goolekedde Yerusaalemi;) n'afukamiranga ku maviivi ge emirundi esatu buli lunaku, n'asaba, ne yebaza mu maaso ga Katonda we, nga bwe yakolanga edda.
- 11 Awo abasajja abo ne bakuaana ne basanga Danyeri ng'asaba era nga yeegayirira mu maaso ga Katonda we.
- 12 Ne balyoka basembera, ne boogera mu maaso ga kabaka ku kiragiro kya kabaka: nti Tewassa kabonero ko ku kiragiro, nga buli anaasabanga katonda yenna oba muntu yenna ennaku amakumi asatu, wabula ng'asabye ggwe, ai kabaka, alisuulibwa mu mpuku ey'empologoma? Kabaka n'addamu n'ayogera nti Ekigambo ekyo kya mazima, ng'amateeka ag'Abameedi n'Abaperusi bwe gali agatajjulukuka.
- 13 Ne balyoka baddamu ne boogerera mu maaso ga kabaka nti Danyeri oyo, ow'omu baana ab'obunyage bwa Yuda, takulowooza, ai kabaka, newakubadde ekiragiro kye wassaako akabonero ko, naye asaba emirundi esatu buli lunaku.
- 14 Awo kabaka, bwe yawulira ebigambo ebyo, n'anyiiga nnyo, n'ateeka omutima gwe ku Danyeri okumuwonya: n'azibya obudde ng'ategana okumulokola.
- 15 Awo abasajja abo ne bakuaana eri kabaka, ne bagamba kabaka nti Tegeera, ai kabaka, nga lino lye tteeka ery'Abameedi n'Abaperusi, nti tewabanga kiragiro newakubadde

etteeka kabaka ly'anyweza eriwaanyisikika.

- 16 Kabaka n'alyoka alagira, ne baleeta Danyeri, ne bamusuula mu mpuku ey'empologoma. Kabaka n'ayogera n'agamba Danyeri nti Katonda wo gw'oweerezanga bulijjo, oyo anaakuwonya.
- 17 Ne baleeta ejinja, ne baliteeka ku mulyango gw'empuku: kabaka n'alissaako akabonero ke ye, era n'akabonero ak'abaami be: ekigambo kyonna kireme okuwaanyisibwa eri Danyeri.
- 18 Kabaka n'alyoka agenda mu lubiri lwe, ekiro ekyo n'atalya mmere: so tebamuleetera bivuga mu maaso ge: otulo ne tumubula.
- 19 Awo kabaka n'akeera nnyo mu makya n'agolokoka, n'ayanguwa n'agenda ku mpuku ey'empologoma.
- 20 Era bwe yasembera ku mpuku awali Danyeri, n'ayogererera waggulu n'eddoboozi ery'ennaku: kabaka n'ayogera n'agamba Danyeri nti Ggwe Danyeri, omuddu wa Katonda omulamu, Katonda wo, gw'oweerezanga bulijjo, ayinza okukuwonya eri empologoma?
- 21 Danyeri n'alyoka agamba kabaka nti Ai kabaka, obenga omulamu emirembe gyonna.
- 22 Katonda wange yatumye malayika we, n'aziba emimwa gy'empologoma, ne zitankola bubi: kubanga mu maaso ge nalabika nga siriiko kabi: era ne mu maaso go, ai kabaka, sikolanga kabi.
- 23 Kabaka n'alyoka asanyuka nnyo nnyini, n'alagira okuggyamu Danyeri mu mpuku. Awo Danyeri n'aggibwa mu mpuku, so mpaawo kabi konna akaamulabwako, kubanga yali yeesize Katonda we.
- 24 Kabaka n'alagira, ne baleeta abasajja abo, abaalooapa Danyeri ne babasuula mu mpuku ey'empologoma, bo, n'abaana baabwe, ne bakazi baabwe: empologoma ne zibayinza, ne zimenyaamenya amagumba gaabwe gonna, nga tebannatuuka wansi ddala mu mpuku.
- 25 Awo kabaka Daliyo n'alyoka awandiikira abantu bonna, amawanga n'ennimi, abatuula mu nsi zonna: nti Emirembe gyeyongere gye muli.
- 26 Nteeka etteeka, mu matwale gonna ag'obwakabaka bwange abantu bakankanenga batyenga mu maaso ga Katonda wa Danyeri: kubanga oyo ye Katonda omulamu, era omunywevu emirembe gyonna, n'obwakabaka bwe bwe butalizikirizibwa n'okufuga kwe kulituukira ddala ku nkomerero:
- 27 awonya era alokola, era akola obubonero n'eby'amagero mu ggulu ne mu nsi: eyawonya Danyeri eri amaanyi g'empologoma.
- 28 Bw'atyo Danyeri oyo n'alaba omukisa mu mirembe gya Daliyo, ne mu mirembe gya Kuulo Omuperusi.

Essuula 7

- 1 Mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Berusazza kabaka w'e Babulooni Danyeri n'aloota ekirooto n'omutwe gwe bye gwayolesebwa ku kitanda kye: n'alyoka awandiika ekirooto n'ayatula ebigambo nga bigattibwa wamu.
- 2 Danyeri n'ayogera nti Natunuulira mu ebyo bye nnayolesebwa ekiro, era laba, empewo ez'omu ggulu ennya ne ziwamatuka ku nnyanja ennene.
- 3 N'ensolo nnya ennene ne ziva mu nnyanja ne zirinnya, ezitafaanana zokka na zokka.
- 4 Ey'olubereberye yalianga mpologoma, era ng'erina ebiwaawaatiro by'empungu: ne ntunula okutuusa ebiwaawaatiro byayo lwe byamaanyibwa, n'eyimusibwa okuva ku nsi, n'eyimirizibwa n'ebigere bibiri ng'omuntu, n'eweewba omutima gw'omuntu.
- 5 Era, laba ensolo endala, ey'okubiri, yalianga ddubu, era yali egulumizibwa ku lubiriizilumu, n'embiriizi ssatu zaali mu kamwa kaayo amannyo nga gazikutte: ne bagigamba

bwe bati nti Golokoka, olye ennyama ennyingi.

- 6 Oluvannyuma lw'ebyo ne ntunula, era, laba, endala, ng'engo, eyalina ebiwaawaatiro ebina eby'ennyonyi ku mabega gaayo: era ensolo yalina n'emitwe ena: n'eweebwa okufuga.
- 7 Oluvannyuma lw'ebyo ne ntunula mu ebyo bye nnayolesebwa ekiro, era, laba, ensolo ey'okuna, ey'entiisa era ey'obuyinza, era ey'amaanyi amangi ennyo: era yalina aman-nyo amanene ag'ekyuma: yalya, n'emenyaamenya, n'esambirira ebyasigalawo n'ebigere byayo: era teyafaanana ng'ensolo zonna ezaagisooka: era yalina amayembe kkumi.
- 8 Nakebera amayembe, era, laba, ne wamera mu go ejjembe eddala, ettono, ne mu maaso gaalyo asatu ku mayembe ag'olubereberye ne gasimbulirwa ddala: era, laba, mu jjembe eryo mwalimu amaaso ng'amaaso g'omuntu, n'akamwa akoogera ebikulu.
- 9 Ne ndaba okutuusa entebe lwe zaatekebwawo, n'omukadde eyaakamala ennaku ennyingi n'atuula: ebyambalo bye byali bitukula ng'omuzira; n'enviiri ez'oku mutwe gwe ng'ebyoya by'endiga ebirungi: entebe ye yali nnimi za muliro, ne bannamuziga baayo muliro ogwaka.
- 10 Omugga gw'omuliro ne gutiiriika ne gufuluma mu maaso ge: enkumi n'enkumi baamuweereza, n'obukumi emirundi akakumi baayimirira mu maaso ge: omusango ne gubaawo, ebitabo ne byanjuluzibwa.
- 11 Ne ntunula mu biro ebyo olw'eddoboosi ery'ebigambo ebikulu ejjembe bye lyayo-gera: ne ntunula okutuusa ensolo lwe yattibwa, n'omubiri gwayo ne guzikirizibwa, n'eweebwayo okwokebwa omuliro.
- 12 N'ensolo endala okufuga kwazo ne kuziggibwako: naye obulamu bwazo ne bwonger-wako ebbanga n'ekiseera.
- 13 Ne ndaba mu ebyo bye nnayolesebwa ekiro, era, laba, ne wajja omu eyafaanana ng'omwana w'omuntu n'ebire eby'omu ggulu, n'ajjira ddala eri omukadde eyaaka-mala ennaku ennyingi, ne bamusembeza mu maaso ge.
- 14 N'aweewba okufuga, n'ekitiibwa, n'obwakabaka, abantu bonna, amawenga n'ennimi, bamuweerezenga: okufuga kwe kwe kufuga okw'emirembe gyonna okutaliggwaawo, n'obwakabaka bwe bwe butalizikirizibwa.
- 15 Nange Danyeri, omwoyo gwange ne gunakuwala wakati mu mubiri gwange, n'ebyo omutwe gwange bye gwayolesebwa ne binneeraliikiriza:
- 16 Ne nsemberera omu ku abo abaali bayimiridde okumpi, ne mmubuuza amazima g'ebyo byonna. Awo n'ambuulira, n'antegeeza amakulu g'ebyo.
- 17 Ensolo ezo ennene, ezaali ennya, be bakabaka abana, abaliva mu nsi.
- 18 Naye abatukuvu b'Oyo Ali waggulu ennyo baliweebwa obwakabaka, era balirya obwakabaka emirembe n'emirembe; era n'okutuusa emirembe gyonna.
- 19 Ne ndyoka njagala okumanya amazima g'ensolo ey'okuna, etaafaanana ng'ezo zonna, ey'entiisa ennene, amannyo gaayo ga kyuma, n'enjala zaayo za kikomo: eyalya, n'emenyaamenya, n'esambirira ebyasigalawo n'ebigere byayo:
- 20 n'agayembe ekkumi agaali ku mutwe gwayo, n'eddala eryamera, asatu ne gagwa mu maaso gaalyo: lye jjembe eryo eryalina amaaso, n'akamwa akayogera ebikulu, obukanu bwalyo bwasinga gannaago obugumu.
- 21 Ne ntunula, ejjembe eryo ne lirwana n'abatukuvu, ne libasinga:
- 22 okutuusa omukadde eyaakamala ennaku ennyingi lwe yajja, omusango ne gubasalirwa abatukuvu b'Oyo Ali waggulu ennyo; ebiro ne bituuka abatukuvu ne balya obwak-abaka.
- 23 N'ayogera bw'ati nti Ensolo ey'okuna eriba bwakabaka obw'okuna mu nsi, obutali-faanana ng'obwakabaka bwonna, era obulirya ensi zonna, era obulizisambirira, era obulizimenyaamenya.

- 24 N'amayembe ago ekkumi, mu bwakabaka obwo muliva bakabaka kkumi abaligolokoka: n'omulala alibaddirira aligolokoka: naye talifaanana ng'ab'olubereberye, naye aliggyawo bakabaka basatu.
- 25 Era alyogera ebigambo ebibi eri Oyo Ali waggulu ennyo, era aliteganya abatukuvu b'Oyo Ali waggulu ennyo: era alirowooza okuwaanyisa ebiseera n'amateeka: era biriweebwayo mu mukono gwe okutuusa ekiseera n'ebiseera n'ekitundu ky'ekiseera lwe biriggwaawo.
- 26 Naye omusango gulibaawo, era balimuggyako okufuga kwe, okukumalawo n'okukuzikiriza okutuusa enkomerero.
- 27 N'obwakabaka n'okufuga n'obukulu obw'obwakabaka obuli wansi w'eggulu lyonna, abantu ab'abatukuvu b'Oyo Ali waggulu ennyo balibiweebwa: obwakabaka bwe bwe bwakabaka obutaliggwaawo, n'amatwale gonna galimuweereza galimuwulira.
- 28 Ekigambo ekyo we kikoma wano. Nange Danyeri, ebirowoozo byange byanneeraliikiriza nnyo, n'amaaso gange ne gawaanyisibwa gye ndi: naye ne nzisa ekigambo ekyo mu mutima gwange.

Essuula 8

- 1 Mu mwaka ogw'okusatu mu mireembe gya Berusazza kabaka okwolesebwa ne kunjijira, nze Danyeri, okuaddirira okwo okwasooka okunjijira.
- 2 Ne ndaba mu ebyo ebyanjolesebwa: ne kiba bwe kiti; bwe nnalaba nali mu lubiri lw'e Susani, oluli mu ssaza Eramu: ne ndaba mu ebyo ebyanjolesebwa, era nnali ku mugga Ulaayi.
- 3 Ne ndyoka nnyimusa amaaso gange, ne ndaba, era, laba, endiga ensajja eyalina amayembe abiri n'eyimirira ku mabbali g'omugga: n'amayembe ago abiri gaali mawanvu: naye erimu lyasinga linnaalyo, era eryasinga lye lyaddirira okumera.
- 4 Ne ndaba endiga ensajja ng'esindika eri ebugwanjuba, n'eri obukiika obwa kkono, n'eri obukiika obwa ddyo: so mpaawo nsolo ezaayinza okuyimirira mu maaso gaayo, era mpaawo eyayinza okuwonya mu mukono gwayo: naye yakolanga nga bwe yaya-galanga, ne yeegulumiza.
- 5 Bwe nnali nkebera, laba, embuzi ensajja n'eva ebugwanjuba n'ejja ng'eyita kungulu ku nsi yonna, n'etetuuka ku ttaka: era embuzi yalina ejjembe eryalabika ennyo wakati w'amaaso gaayo.
- 6 N'ejjira endiga ensajja eyalina amayembe abiri, gye nnalaba ng'eyimiridde ku mabbali g'omugga, n'egifubutukira amaanyi gaayo nga gagiralusizza.
- 7 Ne ngiraba ng'esemberedde endiga ensajja, n'egisunguwalira, n'ekuba endiga ensajja, n'emenya amayembe gaayo abiri: so n'endiga ensajja teyaliimu maanyi okuyimirira mu maaso gaayo: naye n'egimegga wansi, n'egisambirira, era mpaawo eyayinza okuwonya endiga ensajja mu mukono gwayo.
- 8 Embuzi ensajja ne yeegulumiza nnyo: era mu maanyi gaayo ago, ejjembe lyayo ekkulu mwe lyamenyekera: ne mu kifo kyalyo ne mumera ana agaalabika ennyo agaatanuulira empewo ennya ez'omu ggulu.
- 9 Ne mu limu mu ago ne auva ejjembe ettono, eryafuuka eddene ennyo, nga lyolekedde obukiika obwa ddyo, n'eri obuvanjuba, n'eri ensi ey'ekitiibwa.
- 10 Ne lifuuka eddene, n'okutuuka eri eggye ery'omu ggulu: n'eby'omu ggye ebimu n'emmunyeenye ezimu ne libisuula wansi, ne libisambirira.
- 11 Weewaawo, lyekuza lyokka, era n'okutuuka eri omukulu w'eggye: ne limuggyako ekiweebwayo ekyokebwa eky'ennaku zonna, n'ekifo eky'awatukuvu we ne kisu-ulibwa.
- 12 N'eggye ne liweebwayo eri eryo awamu n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'ennaku

zonna olw'okwonoona: ne lisuula amazima wansi: ne likola nga bwe lyagala ne liraba omukisa.

- 13 Ne ndyoka mpulira omutukuvu ng'ayogera: n'omutukuvu omulala n'agamba oyo eyali ayogedde, nti Ebikwolesebwa eby'oku kiweebwayo ekyokebwa eky'ennaku zonna birituusa wa okubaawo, n'okwonoona okuzisa, okuwaayo awatukuvu era n'eggye okusambirirwa n'ebigere?
- 14 N'aamba nti Birituusa amakya n'amawungeera enkumi bbiri mu bisatu: awatukuvu ne walyoka walongoosebwa.
- 15 Awo, nze, ye nze Danyeri, bwe nnamala okulaba ebyanjolesebwa ebyo, ne ndyoka nnoonya okubitegeera: era, laba, ne wayimirira mu maaso gange ekifaananyi ng'eky'omuntu.
- 16 Ne mpulira eddoozi ly'omuntu wakati w'emitala w'omugga Ulaayi, eryakoowoola, ne ligamba nti Gabulyeri, tegeeza omusajja oyo ebimwolesebwa.
- 17 Awo n'asembera we nnali nnyimiridde: era bwe yajja, ne ntya, ne nvuunama amaaso gange: naye n'aamba nti Tegeera, ggwe omwana w'omuntu: kubanga ebyolesebwa bya kiseera kya nkomerero.
- 18 Awo, bwe yali ayogera nange, ne nneebaka otulo tungi nga nvuunama amaaso gange: naye n'ankomako, n'annyimiriza.
- 19 N'ayogera nti Laba, naakutegeeza ebiribaawo mu kiseera eky'enkomerero eky'okunyiiigiramu: kubanga bya kiseera kya nkomerero ekyatekebawo.
- 20 Endiga ensajja gy'olabye ebadde n'amayembe abiri, be bakabaka ab'Obumeedi n'Obuperusi.
- 21 N'embuzi ensajja ey'ekikuzzi ye kabaka w'e Buyonaani: n'ejjembe eddene eriri wakati w'amaaso gaayo ye kabaka ow'olubereberye.
- 22 N'eryo erimenyese ne mu kifo kyalyo ne muyimirira ana, obwakabaka buna buliva mu ggwanga, buliyimirira, naye nga tebulina buyinza bw'oyo.
- 23 Ne mu kiseera eky'enkomerero eky'obwakabaka bwabwe, aboonoonyi nga batuukiridde, kabaka ow'amaaso amakambwe, era ategeera ebigambo eby'ekyama, aliyimirira.
- 24 N'obuyinza bwe buliba bungi, naye si lwa buyinza bwe ye: era alizikiriza kitalo, era aliraba omukisa, era alikola by'alyagala: era alizikiriza ab'amaanyi n'abantu abatukuvu.
- 25 Era olw'amagezi ge alyeza enkwe mu mukono gwe: era alyegulumiza mu mutima gwe, era alizikiriza bangi nga balowooza nga mirembe: era aliyimirira okulwanyisa omulangira w'abalangira: naye alimenyeka awatali ngalo.
- 26 Era ebikwolesebwa eby'amakya n'amawungeera ebibuuliddwa bya mazima: naye ggwe bikka ku bikwolesebwa: kubanga bya nnaku eziri ewala.
- 27 Nange Danyeri ne nzirika, ne ndwala okumala ennaku si nnyingi; ne ndyoka ngolokoka, ne nkola emirimu gya kabaka: ne nneewuunya ebyanjolesebwa, naye mpaawo eyabitegeera.

Essuula 9

- 1 Mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Daliyo omwana wa Akaswero, ow'ezzadde ery'Abameedi, eyalya obwakabaka obw'Abakaludaaya:
- 2 mu mwaka ogw'olubereberye mu mirembe gye nze Danyeri ebitabo ne bintegeeza omuwendo gw'emyaka, Yeremiya nnabbi gye yajjirwako ekigambo kya Mukama, okutuukiriza Yerusalemi okuzika, gye myaka ensanvu.
- 3 Ne nteeka amaaso gange eri Mukama Katonda, okunoonya nga nsaba era nga nneegayirira, nga nsiiba enjala era nga nnyambala ebibukutu n'evvu.

- 4 Ne nsaba Mukama Katonda wange, ne njatula, ne njogera nti Ai Mukama Katonda omukulu era ow'entiisa, atuukiriza endagaano n'okusaasira eri abo abamwagala ne bakwata amateeka ge:
- 5 twayonoona, era twakola eby'obubambaavu, n'eby'obubi, era twajeema, nga tukyama okuleka ebiragiro byo n'emisango gyo:
- 6 so tetwawulira baddu bo bannabbi, abaagambiranga mu linnya lyo bakabaka baffe, abalangira baffe, ne bajjajjaffe, n'abantu bonna ab'omu nsi.
- 7 Ai Mukama, obutuukirivu bwe bubwo, naye ffe amaaso okukwatibwa ensonyi kwe kwaffe, nga leero: abantu ab'omu Yuda, n'abatuula mu Yersaalemi, ne Isiraeri yenna, abali okumpi, n'abo abali ewala, mu nsi zonna gye wabagobera, olw'okwonoona kwe baayonoona ggwe.
- 8 Ai Mukama, amaaso okukwatibwa ensonyi kwe kwaffe, bassekabaka baffe, abalangira baffe, ne bajjajjaffe, kubanga twayonoona ggwe.
- 9 Mukama Katonda waffe ye alina okusaasira n'okusonyiwa: kubanga twamujeemera:
- 10 so tetwawulira ddooboozi lya Mukama Katonda waffe, okutambulira mu mateeka ge, ge yassa mu maaso gaffe abaddu be bannabbi.
- 11 Weewaawo, Isiraeri yenna asobezza amateeka go, nga beekooloobya, baleme okuwulira eddooboozi lyo: okukolimirwa kyekwava kutufukirwako, n'ekirayiro ekyawandiikibwa mu mateeka ga Musa omuddu wa Katonda: kubanga twamwonoona.
- 12 Naye yanyweza ebigambo bye, bye yayogera ku ffe, era ne ku balamuzi baffe abaatulamulanga, bwe yatuleetera obubi obunene: kubanga wansi w'eggulu lyonna tekikolebwanga nga bwe kyakolebwa ku Yersaalemi.
- 13 Nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa, bwe butyo obubi obwo bwonna bwatujjako: era naye tetunnasaba kisa kya Mukama Katonda waffe, tuleke ebikolwa byaffe ebitali bya butuukirivu, era tubeere n'amagezi mu mazima go.
- 14 Mukama kyeyava atunuulira obubi, n'abutuleetako: kubanga Mukama Katonda waffe mutuukirivu mu bikolwa bye byonna by'akola, naffe tetwawulira ddooboozi lye.
- 15 Ne kaakano, ai Mukama Katonda waffe, eyaggya abantu bo mu nsi y'e Misiri n'omukono agw'amaanyi, era eyeefunira ekitiibwa, nga leero: twayonoona, twakola bubu.
- 16 Ai Mukama, ng'obutuukirivu bwo bwonna bwe buli, obusungu bwo n'obukambwe bwekooloobye buve ku kibuga kyo Yersaalemi, olusozi lwo olutukuvu: kubanga olw'okwonoona kwaffe n'olw'obutali butuukirivu bwa bajjajjaffe, Yersaalemi n'abantu bo bafuuse ekivume eri abo bonna abatwetoolola.
- 17 Kale kaakano, ai Katonda waffe, wulira okusaba kw'omuddu wo, n'okwegayirira kwe, era, ku bwa Mukama, oyazike amaaso go awatukuvu wo awazise.
- 18 Ai Katonda wange, tega okutu kwo, owulire: ozibule amaaso go, otunuulire ebyaffe ebyazika, n'ekibuga ekituumbwa erinnya lyo: kubanga tetuleeta kwegayirira kwaffe mu maaso go olw'obutuukirivu bwaffe, wabula olw'okusaasira kwo okungi.
- 19 Ai Mukama, wulira: ai Mukama, sonyiwa: ai Mukama, wulira okole: tolwawo: ku bubwo wekka, ai Katonda wange, kubanga ekibuga kyo n'abantu bo batuumibwa erinnya lyo.
- 20 Awo bwe nnali njogera, era nga nsaba, era nga njatula okwonoona kwange n'okwonoona kw'abantu bange Isiraeri, era nga ndeeta okwegayirira kwange mu maaso ga Mukama Katonda wange olw'olusozi olutukuvu olwa Katonda wange:
- 21 weewaawo, bwe nnali njogera mu kusaba, omusajja Gabulyeri, gwe nnalaba mu ebyo bye nnayolesebwa olubereberye, n'abuusibwa mangu, n'ankomako nga mu kiseera ekya ssaddaaka ey'akawungeezi.
- 22 N'anjigiriza, n'ayogera nange, n'agamba nti Ggwe Danyeri, kaakano nfulumye

okukugeziwaza mu kutegeera.

- 23 Bwe wasooka okwegayirira, ekiragiro ne kifulumu, nange nzize okukubuulira: kubanga oli mwagalwa nnyo: kale lowooza ekigambo ekyo, otegeere bye wayolesebwa.
- 24 Sabbiiti ensanvu ziragiddwa abantu bo n'ekibuga kyo ekitukuvu, okukomya okwonoona, n'okumalawo okusobya, n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu, n'okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo, n'okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalangibwa, n'okufuka amafuta ku oyo asinga obutukuvu.
- 25 Kale manya otegeerere ddala nga kasooka ekiragiro kifulumu okuzzaawo n'okuzimba Yersaalemi okutuusa ku oyo afukibwako amafuta, omulangira, walibaawo sabbiiti musanvu: era walibaawo sabbiiti nkaaga mu bbiri, n'ekizimbibwa nate, n'oluguudo n'olusalosalo, newakubadde mu biro eby'okutegana.
- 26 Era sabbiiti nkaaga mu bbiri bwe ziriggwa, oyo afukibwako amafuta n'alyoka azikirizibwa, so taliba na kintu: n'abantu ab'omulangira alijja balizikiriza ekibuga n'awatukuvu: n'enkomerero ye eriba n'amataba, n'okutuusa enkomerero walibaawo entalo: okuzisa kwalagirwa.
- 27 Era aliragaana endagaano ennywevu n'abangi okumala ssabbiiti emu: ne mu kitundu ekyo ssabbiiti alikomya ssaddaaka n'ekitone: ne ku kiwaawaatiro eky'eby'emizizo kulijjirako oyo alizisa: n'okutuusa byonna okutuukirizibwa, okwo kwe kwalagirwa, obusungu bulifukibwa ku oyo azisa.

Essuula 10

- 1 Mu mwaka ogw'okusatu ogwa Kuulo kabaka w'e Buperusi ekigambo kyabikkulirwa Danyeri, eyatumibwa erinnya Berutesazza; n'ekigambo kyali kya mazima, ze ntalo ennene: n'ategeera ekigambo, n'ategeera bye yayolesebwa.
- 2 Mu nnaku ezo nze Danyeri namala sabbiiti ssatu ennamba nga ndi mu lumbe.
- 3 Saalyanga ku mmere ennungi, so n'ennyama newakubadde omwenge tebyayingiranga mu kamwa kange, so saasaabanga mafuta, ne mmalira ddala ssabbiiti ssatu ennamba.
- 4 Ne ku lunaku olw'abiri mu nnya olw'omwezi ogw'olubereberye, bwe nnali ku mabali g'omugga omunene, ye Kiddekeri,
- 5 ne nnyimusa amaaso gange, ne ntunula, era laba, omusajja ayambadde bafuta, nga yeesibye ekiwato kye ne zaabu ennungi eya Ufazi:
- 6 era n'omubiri gwe gwali nga berulo, n'obwenyi bwe ng'okumyansa bwe kufaanana, n'amaaso ge ng'ettabaaza z'omuliro, n'emikono gye n'ebigere bye byali ng'ekikomo ekizigule ebbala, n'eddoboozi ly'ebigambo bye ng'eddoboozi ery'ekibiina ekinene.
- 7 Nange Danyeri nalaba bye nnayolesebwa nze nzekka: kubanga abantu abaali nange tebaalaba bye nnayolesebwa: naye okukankana okunene ne kubagwako, ne badduka okwekweka.
- 8 Awo nze ne nsigala omu ne ndaba ebigambo ebyo ebikulu bye nnayolesebwa, so ne mutasigala mu nze maanyi gonna: kubanga obulungi bwange ne bufuuka obuvundu mu nze, ne ssiba na maanyi nate.
- 9 Era naye ne mpulira eddoboozi ery'ebigambo bye: era bwe nnawulira eddoboozi ery'ebigambo bye nali nneebase otulo tungi nga nvuunamyee amaaso gange, amaaso gange nga gatunuulira ettaka.
- 10 Era laba, omukono ne gunkwatako, ne gunfukamiza ku maviivi gange n'ebibatu by'engalo zange.
- 11 N'aamba nti Ggwe Danyeri, ggwe omusajja omwagalwa ennyo, tegeera ebigambo bye nkugamba, weesimbe; kubanga eri ggwe gye ntumiddwa kaakano: era bwe yamala okuamba ekigambo ekyo, ne nnyimirira nga nkankana.

- 12 N'alyoka aamba nti Totya, Danyeri: kubanga okuva ku lunaku lwe wasookerako okuteekateeka omutima gwo okutegeera, n'okwewombeeka mu maaso ga Katonda wo, ebigambo byo byawulirwa: nange nzize olw'ebigambo byo.
- 13 Naye omulangira ow'obwakabaka obw'e Buperusi n'anziyiza ennaku abiri mu lumu: naye, laba, Mikayiri, omu ku balangira abakulu, n'ajja okunnyamba: ne mbeera eyo wamu ne bakabaka ab'e Buperusi.
- 14 Kaakano nzize okukutegeeza ebiriba ku bantu bo mu nnaku ez'enkomerero: kubanga bye wayolesebwa bya nnaku ezikyali e wala nate.
- 15 Era bwe yamala okuamba ebigambo ebyo, ne nkutama amaaso gange, ne nsirika.
- 16 Era, laba, eyafaanana ng'abaana b'abantu n'akoma hu mimwa gyange: ne ndyoka njasama akamwa kange, ne njogera, ne amba oyo annyimiridde mu maaso gange nti Ai mukama wange, olw'ebyo bye nnayolesebwa ennaku zange ne zinziramu, ne siba na maanyi nate.
- 17 Kubanga omuddu wa mukama wange ono ayinza atya okwogera ne mukama wange ono? kubanga nze, amangu ago ne mutasigala mu nze maanyi gonna, so n'omukka gwonna ne gutabeera nate mu nze.
- 18 Eyali ng'ekifaananyi ky'omuntu n'alyoka ankomako nate, oyo n'ampa amaanyi.
- 19 N'ayogera nti Ggwe omusajja omwagalwa ennyo, totya: emirembe gibeere gy'oli, beera n'amaanyi, weewaawo, beera n'amaanyi. Awo bwe yayogera nange, ne mpeebwa amaanyi, ne njogera nti Mukama wange ayogere: kubanga ompadde amaanyi.
- 20 N'alyoka ayogera nti Omanyi kyenvudde njija gy'oli? ne kaakano naddayo okulwana n'omulangira ow'e Buperusi : era bwe ndivaayo, laba, omulangira ow'e Buyonaani alijja.
- 21 Naye naakubuulira ebyawandiikibwa mu byawandiikibwa eby'amazima : so siwali ali ku luuyi lwange okulwanyisa abo, wabula Mikaeri, omulangira wammwe.

Essuula 11

- 1 Nange, mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Daliyo Omumeedi, nayimirira okumunyweza n'okumuwa amaanyi.
- 2 Ne kaakano naakulaga amazima. Laba, waliyimirira nate bakabaka abasatu mu Buperusi: n'ow'okuna ye alisingira ddala nnyo bonna obugagga: era bw'alifuuka ow'amaanyi olw'obugagga bwe, alikubiriza bonna okulwana n'obwakabaka obw'e Buyonaani.
- 3 Ne kabaka ow'amaanyi aliyimirira, alifuga n'obuyinza obungi, era alikola bw'alyagala.
- 4 Era bw'aliyimirira, obwakabaka bwe bulimenyeka, era bulyawulibwamu eri empewo ennya ez'omu ggulu: naye tebuligabirwa zzadde lye, so tebuliba ng'okufuga kwe kwe yafuga: kubanga obwakabaka bwe bulisimbulwa, bulisimbulirwa abalala awali abo.
- 5 Ne kabaka w'obukiika obwa ddyo aliba n'amaanyi, era omu ku bakulu be: n'oyo aliba n'amaanyi okumusinga, alifuga: okufuga kwe kuliba okufuga okunene.
- 6 Emyaka bwe girimala okuyitawo balyegatta wamu: n'omuwala wa kabaka w'obukiika obwa ddyo alijja eri kabaka w'obukiika obwa kkono okulagaana: naye omuwala taliba na maanyi ga mukono gwe: so n'oyo taliyimirira, newakubadde omukono gwe: naye omuwala aliweebwayo, n'abo abamuleeta, n'oyo eyamuzaala, n'oyo eyamuwa amaanyi mu biro ebyo.
- 7 Naye mu mwana ow'omu bikolo bye muliva omu aliyimirira mu kifo kye, alijja eri eggye, era aliyingira mu kifo kya kabaka w'obukiika obwa kkono, alibalumba, era aliwangula;

- 8 era ne bakatonda baabwe, n'ebifaananyi byabwe ebisaanuuse, n'ebintu byabwe ebirungi ebya ffeeza n'ebya zaabu, alibinyaga alibitwala mu Misiri: era alimala emyaka egimu ng'aleka kabaka w'obukiika obwa kkono.
- 9 Era alijja mu matwale ga kabaka w'obukiika obwa ddyo, naye aliddayo mu nsi ye.
- 10 N'abaana be balirwana, era balikuaanya ekibiina ekinene, eggye eringi, eririyitirira, eriryanjaala, ne libayitamu: era balikomawo, balirwana, okutuuka awali ekigo kye.
- 11 Ne kabaka w'obukiika obwa ddyo alisunguwala, alivaayo, alirwana naye, kabaka w'obukiika obwa kkono: era aligaba ekibiina ekinene, n'ekibiina kiriweebwayo mu mukono gwe.
- 12 N'ekibiina kiryegulumiza, n'omutima gwe gulyeyimusa: era alimegga obukumi obungi, naye taliwangula.
- 13 Ne kabaka w'obukiika obwa kkono alikomawo, era aligaba ekibiina ekisinga eky'olubereberye: era alijja ebiseera bwe biriggwaako, gye myaka, ng'alina eggye eddene n'ebintu ebingi.
- 14 Ne mu biro ebyo walibaawo abangi abaliyimirira okulwana ne kabaka w'obukiika obwa ddyo: era n'abaana b'abo abalina ettima mu bantu bo balyegolokosa okunyweza ebikwolesebbwa: naye baligwa.
- 15 Awo kabaka w'obukiika obwa kkono alijja, alikuba olusozi, alirya ekibuga ekiriko ebigo ebingi: n'emikono egy'obukiika obwa ddyo tegiribasobola, newakubadde abantu be abalonde, so tewaliba maanyi gonna okubasobola.
- 16 Naye oyo ajja okumulumba alikola nga bw'ayagala ye, so tewaliba ayimirira mu maaso ge: era aliyimirira mu nsi ey'ekitiibwa, ne mu mukono gwe mulibaamu okuzikiriza.
- 17 Awo alikyusa amaaso ge okujja n'amaanyi ag'obwakabaka bwe bwonna, n'ab'amazima nga bali wamu naye: era alikola by'alyagala: era alimuwa omuwala w'abakazi, okumwonoona: naye taliyimirira, so talimuyamba ye.
- 18 Oluvannyuma lw'ebyo alikyusa amaaso ge awali ebizinga, aliryako bingi: naye omukulu alikomya ekivume oyo kye yaleeta: era naye alimuddizaayo ekivume kye.
- 19 N'alyoka akyusa amaaso ge awali ebigo eby'omu nsi ye ye: naye alyesittala, aligwa, so talirabika.
- 20 Ne walyoka wayimirira mu kifo kye omu aliyisa omusolooza mu kitiibwa eky'obwakabaka: naye mu nnaku si nnyingi alizikirizibwa, si mu busungu, newakubadde mu ntalo.
- 21 Ne mu kifo kye muliyimirira omuntu anyoomebwa, gwe batawanga kitiibwa kya bwakabaka: naye alijja mu biro eby'emirembe, era aliweebwa obwakabaka olw'okwegonza.
- 22 Era n'emikono gy'amataba baliggirwawo ddala mu maaso ge, era balimenyeka: weewaawo, era n'omukulu w'endagaano.
- 23 Era nga bamaze okulagaana naye alikola eby'obukuusa: kubanga alirinnya, era alifuuka ow'amaanyi, ng'alina abantu si bangi.
- 24 Mu biro eby'emirembe alijjira n'ebifo ebisinga obugimu eby'omu ssaza: era alikola bajjajjaabe bye bataakolanga, newakubadde bajjajja ba bajjajjaabe: alibagabira omwandu n'omunyago n'obugagga: weewaawo, alisalira enkwe ze ebigo, okumala ekiseera.
- 25 Era alisasamaza obuyinza bwe n'obuzira bwe okulwanyisa kabaka w'obukiika obwa ddyo n'eggye eringi: ne kabaka w'obukiika obwa ddyo alirwana entalo n'eggye eringi ennyo, ery'amaanyi amangi: naye taliyimirira, kubanga balimusalira enkwe.
- 26 Weewaawo, abaalya ku mmere ye be balimuzikiriza, n'eggye lye liryanjaala: era bangi abaligwa nga battibwa.
- 27 Ne bakabaka abo bombi emitima gyabwe giriba gya kukola bubu, era balyogera

eby'obulimba nga batudde ku mmeeza emu: naye tebiriraba mukisa: kubanga enkomerero erituuka mu biro ebyalagirwa era.

- 28 N'alyoka addayo mu nsi ye n'obugagga obungi: n'omutima gwe gulikyawa endagaano entukuvu: era alikola by'alyagala, n'alyoka addayo mu nsi ye.
- 29 Mu biro ebyalagirwa aliddayo, aligenda mu bukiika obwa ddyo: naye mu biro eby'oluvannyuma tekiriba nga bwe kyali mu biro eby'olubereberye:
- 30 Kubanga ebyombo eby'e Kittimu birijja okumulumba: kyaliva anakuwala, aliddayo, alisunguwalira endagaano entukuvu, alikola by'alyagala: aliddirayo ddala, alirowooza abo abaleka endagaano entukuvu.
- 31 Era emikono giriyimirira ku luuyi lwe, era baligwagwawaza awatukuvu, kye kigo, era baliggyawo ekiweebwayo ekyokebwa eky'ennaku zonna, baliyimiriza eky'omuzizo ekizikiriza.
- 32 N'abo abalikola obubi nga baleka endagaano alibakyamyakyama n'okwegonza: naye abantu abamanyi Katonda waabwe baliba n'amaanyi, balikola eby'obuzira.
- 33 N'abo abalina amagezi mu bantu baliyigiriza bangi: naye ekitala n'omuliro, okusi-bibwa n'okunyagibwa, biribagwisa ennaku nnyingi.
- 34 Awo bwe baligwa, balibeerwa n'okubeerwa okutono: naye bangi abalyegatta nabo n'okwegonza.
- 35 N'abamu ku abo abalina amagezi baligwa okubawoomya, n'okubalongoosa, n'okubatuksa, okutuusa ku kiseera eky'enkomerero: kubanga kya kiseera ekyalagirwa ekitannatuuka.
- 36 Ne kabaka alikola nga bw'alyagala: era alyegulumiza, alyekuza okusinga katonda yenna, era alyogera eby'ekitalo ku Katonda wa bakatonda: era aliraba omukisa okutu-usa obusungu lwe bulituukirira: kubanga ebyateesebwa birikolebwa.
- 37 So talirowooza bakatonda ba bajjajjaabe, newakubadde abakazi kye baagala, so talirowooza katonda yenna: kubanga alyekuza okusinga bonna.
- 38 Naye mu kifo kye aliwa ekitiibwa katonda w'ebigo: era katonda bajjajjaabe gwe bataamanya alimuwa ekitiibwa ne zaabu, ne ffeeza, n'amayinja ag'omuwendo omungi, n'ebintu ebisanyusa.
- 39 Era aliyinza ebigo eby'amaanyi amangi katonda omugenyi ng'amuyamba: buli alimukkiriza alimwongerako ekitiibwa: era alibawa okufuga bangi, era aligaba ensi olw'omuwendo.
- 40 Ne mu kiseera eky'enkomerero kabaka w'obukiika obwa ddyo alimusindika: ne kabaka w'obukiika obwa kkono alijja okumulumba nga kibuyaga, ng'alina amagaali, n'abeebagala embalaasi, n'ebyombo ebingi: era aliyingira mu matwale alyanjaala, n'agayitamu.
- 41 Era aliyingira ne mu nsi ey'ekitiibwa, n'amatwale mangi agalisuulibwa: naye bano baliwonyezebwa mu mukono gwe, Edomu, ne Mowaabu, n'abakulu ab'omu baana ba Amoni.
- 42 Era aligolola omukono gwe ne ku matwale: n'ensi y'e Misiri teriwona.
- 43 Naye aliyinza ebintu ebitereke ebya zaabu n'ebya ffeeza, n'ebintu byonna eby'omuwendo omungi eby'omu Misiri: n'Abalibya n'Abaesiyopya balimugoberera:
- 44 Naye ebigambo ebiriva mu buvanjuba ne mu bukiika obwa kkono birimweraliikiriza: era alivaayo nga yeejuumudde nnyo okuzikiriza n'okumalirawo ddala abangi.
- 45 Era alisimba eweema z'olubiri lwe wakati w'ennyanja n'olusozi olw'ekitiibwa olu-tukuvu: era naye alijja ku nkomerero ye, so tewaliba amuyamba.

Essuula 12

- 1 Era mu biro ebyo Mikayiri aliyimirira, omulangira omukulu ayimirira abaana

b'abantu bo: era waliba ekiseera eky'okunakuwaliramu, ekitabangawo kasooka wabaawo eggwanga okutuusa ku biro ebyo: era mu biro ebyo abantu bo bali-wonyezebwa, buli alirabika nga yawandiikibwa mu kitabo.

- 2 Era bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'oku nsi balizuukuka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abamu eri ensonyi n'okunyoomebwa okutaggwaawo.
- 3 N'abo abalina amagezi balyakaayakana ng'okumasamasa okw'omu bbanga: n'abo abakyusa abangi eri obutuukirivu ng'emmunyeenye emirembe n'emirembe.
- 4 Naye ggwe, Danyeri, bikka ku bigambo, osse akabonero ku kitabo, okutuusa ekiseera eky'enkomerero: bangi abaliddiana embiro, n'okumanya kulyeyongera.
- 5 Nze Danyeri ne ndyoka ntunula, era, laba, abalala babiri nga bayimiridde, omu ku lubalama lw'omugga emitala w'eno, n'omulala ku lubalama lw'omugga emitala w'eri.
- 6 N'omu n'agamba omusajja ayambadde bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omugga, nti Eby'ekitalo ebyo birituusa wa okukoma?
- 7 Ne mpulira omusajja ayambadde bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omugga, ng'agolola omukono gwe ogwa ddyo n'omukono gwe ogwa kkono eri eggulu, n'alayira oyo abeera omulamumu emirembe gyonna, nga birituusa ekiseera n'ebiseera n'ekitundu ky'ekiseera: era bwe balimalira ddala okumenyaamenya amaanyi ag'abantu abatukuvu, ebyo byonna ne biryoka biggwaawo:
- 8 Ne mpulira, naye ne sitegeera: ne ndyoka njogera nti Ai Mukama wange, ebiriva mu ebyo biriba bitya?
- 9 N'ayogera nti Kwata amakubo go Danyeri: kubanga ebigambo bibikkiddwako era bissibbwako akabonero okutuusa ekiseera eky'enkomerero.
- 10 Bangi abalyerongoosa, abalyetukuza, abaliwoomezebwa: naye ababi balikola ebibi: so ku babi tekuliba abalitegeera: naye abo abalina amagezi balitegeera.
- 11 Era kasooka ekiweebwayo ekyokebwa eky'ennaku zonna kiggibwawo, eky'omuzizo ekizikiriza ne kiyimirizibwa, walibaawo ennaku lukumi mu bibiri mu kyenda.
- 12 Alina omukisa alindirira n'atuuka ku nnaku olukumi mu ebisatu mu asatu mu ettaano.
- 13 Naye ggwe kwata ekkubo lyo okutuusa enkomerero lw'eribaawo: kubanga oliwum-mula, era oliyimirira mu mugabo gwo, ennaku bwe zirikoma.

Koseya

Essuula 1

- 1 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Koseya mutabani wa Beeri mu mirembe gya Uzziya, Yosamu, Akazi, ne Keezeekiya, bassekabaka ba Yuda, ne mu mirembe gya Yer-
obowaamu mutabani wa Yowaasi, kabaka wa Isiraeri.
- 2 Mukama bwe yasooka okwogerera mu Koseya, Mukama n'agamba Koseya nti Genda
owase omukazi ow'obwenzi n'abaana ab'obwenzi: kubanga ensi eyenda obwenzi
obungi, ng'eva ku Mukama.
- 3 Awo n'agenda n'awasa Gomeri muwala wa Dibulayimu; n'aba olubuto n'amuzaalira
omwana wa bulenzi.
- 4 Mukama n'amugamba nti Mutuume erinnya lye Yezuleeri; kubanga ekyasigaddeyo
ekiseera kitono mpalane omusaayi gwa Yezuleeri ku nnyumba ya Yeeku, era
ndikomya obwakabaka obw'ennyumba ya Isiraeri.
- 5 Awo olulituuka ku lunaku olwo ndimenyera omutege gwa Isiraeri mu kiwonvu kya
Yezuleeri.
- 6 Awo n'aba olubuto nate n'azaala omwana wa buwala. Awo Mukama n'amugamba nti
Mutuume erinnya lye Lolukama: kubanga sikyakwatirwa kisa ennyumba ya Isiraeri,
mbasonyiwe n'akatono.
- 7 Naye ndikwatirwa ekisa ennyumba ya Yuda, era ndibalokola ne Mukama Katonda
waabwe, so siribalokola na mutego newakubadde ekitala newakubadde olutalo
newakubadde embalaasi newakubadde abazeebagadde.
- 8 Awo bwe yamala okuggya Lolukama ku mabeere, n'aba olubuto n'azaala omwana wa
bulenzi.
- 9 Mukama n'ayogera nti Mumutuume erinnya Lowami: kubanga mmwe temuli bantu
bange, nange siriba Katonda wammwe.
- 10 Era naye omuwendo gw'abaana ba Isiraeri guliba ng'omusenyu ogw'ennyanja ogutay-
inzika kupimibwa newakubadde okubalibwa; kale olulituuka mu kifo mwe baagam-
birwa nti Mmwe temuli bantu bange, we baligambirwa nti Mmwe muli baana ba
Katonda omulamumu.
- 11 Awo abaana ba Yuda n'abaana ba Isiraeri balikuaanyizibwa, era balyerondera omutwe
gumu, ne bambuka okuva mu nsi: kubanga olunaku lwa Yezuleeri luliba lukulu.

Essuula 2

- 1 Mugambe baganda bammwe nti Ami: era mugambe bannyammwe nti Lukama.
- 2 Muwoze ne nnyammwe, muwoze: kubanga si mukazi wange, so nange siri bba: era
aggyewo obwenzi bwe okuva mu maaso ge, n'obukaba bwe okuva wakati w'amabeere
ge;
- 3 nneme okumwambulira ddala, ne mmuteekawo nga bwe yali ku lunaku kwe yaza-
alirwa, ne mmufuula ng'eddungu, ne mmuteekawo ng'ensi enkalu, ne mmussa enny-
onta;
- 4 weewaawo, abaana be siribasaasira; kubanga baana ba bwenzi.
- 5 Kubanga nnyaabwe yeefuula omwenzi: eyabazaala yawemuka: kubanga yayogera nti
Ndigoberera baganzi bange abampa emmere yange n'amazzi gange, ebyoya byange
n'obugogwa bwange, amafuta gange n'ebyangwe ebyokunywa.
- 6 Kale, laba, ndiziba ekkubo lyo n'amaggwa, era ndimukomera olukomera aleme oku-
laba empitiro ze.
- 7 Era aligoberera baganzi be, naye talibatuukako; era alibanoonya, naye talibalaba; kale

n'alyoka ayogera nti Naagenda ne nzirayo eri baze eyasooka; kubanga mu biro ebyo nabanga bulungi okusinga kaakano.

- 8 Kubanga teyamanya nga nze namuwanga eaano n'omwenge n'amafuta, ne mmwongerako ffeeza ne zaabu bye baaweerezesa Baali.
- 9 Kyendiva nkomyawo eaano yange mu ntuuko zaayo, n'omwenge gwange mu kiseera kyagwo, ne nziyawo ebyoya byange n'obugogwa bwange, ebyandibisse ku nsonyi ze.
- 10 Awo kaakano naayolesa obukaba bwe baganzi be nga balaba, so tewaliba alimuwonya mu mukono gwange.
- 11 Era ndikomya ebinyumu bye byonna, embaga ze, emyezi gye egyakaboneka, ne ssabbiiti ze, n'okukuaana kwe kwonna okutukuvu.
- 12 Era ndizisa emizabbibu gye n'emitiini gye, gye yayogerako nti Gino ye mpeera yange baganzi bange gye bampadde: era ndigifuula ekibira, n'ensolo ez'omu nsiko zirigirya.
- 13 Era ndimubonereza olw'ennaku za Babaali be yayoterezanga obubaane; bwe yeeyonja n'empeta ze ez'omu matu n'eby'obuyonjo bwe n'agoberera baganzi be, ne yeerabira nze, bw'ayogera Mukama.
- 14 Kale, laba, ndimusendasenda, ne mmuleeta mu ddungu, ne mmugamba ebigambo ebisanyusa.
- 15 Era ndimuwa ensuku ze ez'emizabbibu nga nnyima eyo, n'ekiwonvu kya Akoli okuba oluggi olw'okusubira: era aliyima eyo okuddamu nga mu nnaku ez'obuto bwe, era nga mu nnaku lwe yalinnya okuva mu nsi y'e Misiri.
- 16 Awo olulituuka ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama, olimpita Isi; so tokyampita Baali.
- 17 Kubanga ndiggya mu kamwa ke amannya ga Babaali, era nga tebakyayatulwa amannya gaabwe.
- 18 Awo ku lunaku olwo ndibalagaanira, endagaano n'ensolo ez'omu nsiko n'ennyonyi ez'omu bbanga n'ebintu eby'ettaka ebyewalula: era ndimenya omutego n'ekitala n'olutalo okuva mu nsi, era ndibagalamiza mireembe.
- 19 Era ndikwogerereza ennaku zonna; weewaawo, ndikwogereza mu butuukirivu ne mu musango ne mu kisa ne mu kusaasira.
- 20 Ndikwogereza mu bwesigwa: era olimanya Mukama.
- 21 Awo olulituuka ku lunaku olwo ndiyitaba, bw'ayogera Mukama, ndiyitaba eggulu, nalyo liryitaba ensi;
- 22 n'ensi eriyitaba eano n'omwenge n'amafuta; nabyo biriyitaba Yezuleeri.
- 23 Era ndimusiga gye ndi mu nsi; era ndisaasira oyo ataasaasirwa; era ndigamba abo abataali bantu bange nti Mmwewe muli bantu bange; nabo balyogera nti Ggwe oli Katonda wange.

Essuula 3

- 1 Awo Mukama n'aamba nti Genda nate, oyagale omukazi ayagalibwa mukwano gwe, era omwenzi, era nga Mukama bw'ayagala abaana ba Isiraeri, newakubadde nga bakyukira bakatonda abalala ne baagala ebitole by'ezabbibu enkalu.
- 2 Awo ne mmwegulira ne mmuwasa n'ebitundu ebya ffeeza kkumi n'ebitaano ne komeri eya sayiri ko ekitundu eky'ekomeri eya sayiri:
- 3 ne mmugamba nti Olibeerera awo ku lwange ennaku nnyingi; tolyefuula mwenzi, so toliba muka musajja yenna: nange bwe ndiba bwe ntyo gy'oli.
- 4 Kubanga abaana ba Isiraeri balibeerera awo ennaku nnyingi nga tebalina kabaka so nga tebalina mulangira so nga tebalina ssaddaaka so nga tebalina mpagi so nga tebalina kizibawo kya kabona newakubadde baterafi:

- 5 oluvannyuma abaana ba Isiraeri balikomawo ne banoonya Mukama Katonda waabwe ne Dawudi kabaka waabwe; era balijja eri Mukama nga batya n'eri obulungi bwe mu nnaku ez'oluvannyuma.

Essuula 4

- 1 Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abaana ba Isiraeri: kubanga Mukama alina empaka n'abo abali mu nsi, kubanga tewali mazima newakubadde okusaasira newakubadde okumanya Katonda mu nsi.
- 2 Tewali kintu wabula okulayira n'okumenya endagaano n'okutta n'okubba n'okwenda; bawaguza, n'omusaayi gukoma ku musaayi.
- 3 Ensi kyeriva ewuubaala, na buli muntu agituulamu aliyongobera, wamu n'ensolo ez'omu nsiko n'ennyonyi ez'omu bbanga; weewaawo, n'ebyennyanya ebiri mu nnyanja biriggibwawo.
- 4 Era naye waleme okubaawo omuntu awakana so waleme okubaawo anenya: kubanga abantu bo bali ng'abo abawakanya kabona.
- 5 Era olyesittala emisana, era ne nnabbi alyesittalira wamu naawe ekiro; era ndizikiriza nnyoko.
- 6 Abantu bange bazikiridde olw'okubulwa okumanya: kubanga ogaanyi okumanya nange ndikugaana ggwe, olemenga okubeera kabona gye ndi: kubanga weerabidde amateeka ga Katonda wo, nange ndyerabira abaana bo.
- 7 Nga bwe baayala, bwe batyo bwe bannyonoona: ndiwaanyisa ekitiibwa kyabwe okuba ensonyi.
- 8 Ekibi ky'abantu bange ye mmere yaabwe, ne beegomba obutali butuukirivu bwabwe.
- 9 Awo olulituuka ng'abantu bwe bali ne kabona bw'atyo: era ndibabonereza olw'amakubo gaabwe, era ndibasasula ebikolwa byabwe.
- 10 Awo balirya ne batakkuta; balyenda so tebalyala: kubanga baleseeoyo okussaayo omwoyo eri Mukama.
- 11 Obwenzi n'omwenge n'omwenge omusu bimalawo okutegeera.
- 12 Abantu bange beebuuza ku kikonge kyabwe, n'omuggo gwabwe gwe gubabuulira: kubanga omwoyo ogw'obwenzi gubakyamizza, era bagenze nga benda okuva wansi wa Katonda waabwe.
- 13 Basalira ssaddaaka ku ntikko z'ensozi, ne bootereza obubaane ku busozi, wansi w'emyalooni n'emiribine n'emyera, kubanga ekisiikirize kyagyo kirungi: bawala bammwe kyebava beefuula benzi, n'abagole bammwe benda.
- 14 Siribonereza bawala bammwe bwe beefuula abenzi, newakubadde bagole bammwe bwe bakabawala; kubanga bo bennyini beeyawula n'abakazi abatambuzi: n'abantu abaategeera balisuulibwa.
- 15 Ggwe, Isiraeri, newakubadde nga weefuula omwenzi, naye Yuda aleme okusobywa; so temujjanga e Girugaali, so temwambukanga e Besaveni, so temulayiranga nti Nga Mukama bw'ali omulamu.
- 16 Kubanga Isiraeri akoze eby'obukakanyavu ng'ente enduusi enkakanyavu: kaakano Mukama alibaliisa ng'omwana gw'endiga mu kifo ekigazi.
- 17 Efulayimu yeegasse n'ebifaananyi; muleke.
- 18 Bye banywa bikaatuuse: benda olutata; abakulu be baagala nnyo ensonyi.
- 19 Empewo emusaanikidde mu biwaawaatiro byayo; era balikwatibwa ensonyi olwa ssaddaaka zaabwe.

Essuula 5

- 1 Muwulire kino, mmwe bakabona, era muwulirize, mmwe ennyumba ya Isiraeri, era mutege amatu, mmwe ennyumba ya kabaka, kubanga omusango guno gwammwe; kubanga mwabanga ekyambika e Mizupa, era ekitimba ekyasuulibwa ku Taboli.
- 2 Era abajeemu bagenze nnyo wansi nga batta; naye nze ndi munenya w'abo bonna.
- 3 Mmanyi Efulayimu, so ne Isiraeri tankisibwa: kubanga kaakano, ai Efulayimu, okoze eby'obwenzi, Isiaeri ayoonese.
- 4 Ebikolwa byabwe tebibagaanye kukyukira Katonda waabwe: kubanga omwoyo ogw'obwenzi guli mu bo, so tebamanyi Mukama.
- 5 Era amalala ga Isiraeri gaba mujulirwa gy'ali mu maaso ge: Isiraeri ne Efulayimu kyebaliva beesittala mu butali butuukirivu bwabwe: era ne Yuda alyesittalira wamu nabo.
- 6 Baligenda n'embuzi zaabwe n'ente zaabwe okunoonya Mukama; naye tebalimulaba: abeeyawuddeko.
- 7 Bakuusizza Mukama; kubanga bazadde abaana ab'amakiro: kaakano omwezi ogwak-aboneka gulibalya wamu n'ennimiro zaabwe.
- 8 Mufuuwe eombe mu Gibeya n'ekkondeere mu Laama: mulaye eoma e Besaveni; nti Ennyuma wo, ai Benyamini.
- 9 Efulayimu alifuuka matongo ku lunaku olw'okunenyezebwa: mmanyisizza mu bika bya Isiraeri ebyo ebitalirema kubaawo.
- 10 Abakungu ba Yuda bali ng'abo abajjulula akabonero k'ensalo: ndifuka obusungu bwange ku bo ng'amazzi.
- 11 Efulayimu ajoogeddwa, abetenteddwa mu kusalirwa omusango; kubanga yakkiriza okutambula okugoberera ekiragi.
- 12 Kyenvudde mbeera eri Efulayimu ng'ennyenje, n'eri ennyumba ya Yuda ng'okuvunda.
- 13 Efulayimu bwe yalaba endwadde ye, ne Yuda n'alaba ekiwundu kye, kale Efulayimu n'agenda eri Obwasuli n'atumira kabaka Yalebu: naye tayinza kubawonya, so talibavumula ekiwundu kyammwe.
- 14 Kubanga ndiba eri Efulayimu ng'empologoma, era ng'empologoma ento eri ennyumba ya Yuda: nze, nze mwene, nditaagula ne nvaawo; nditwalira ddala so tewaliba wa kuwonya.
- 15 Ndigenda ne nzirayo mu kifo kyange okutuusa lwe balikkiriza okusobya kwabwe, ne banoonya amaaso gange: mu kubonyaabonyezebwa kwabwe mwe balinyiikirira okunoonya.

Essuula 6

- 1 Mujje tudde eri Mukama: kubanga ye yataagula, era ye alituwonya; ye yafumita; era ye alitunyiga.
- 2 Ennaku bbiri nga ziyiseewo alitulamya: alitugolokosa ku lunaku olw'okusatu, naffe tuliba balamu mu maaso ge.
- 3 Era tumanye, tunyiikire okumanya Mukama; okufuluma kwe kwa nkalakkalira ng'enkya: era alijja gye tuli ng'enkuba, ng'enkuba eya ddumbi efukirira ettaka.
- 4 Ai Efulayimu, naakukola ntya? ai Yuda, naakukola ntya? kubanga obulungi bwammwe bulianga ekire eky'enkya era ng'omusulo oguggwaako nga bukyali.
- 5 Kyenavanga mbatemya bannabbi; nnabassanga ebigambo eby'omu kamwa kange: n'emisango gyo girianga omusana ogufuluma.
- 6 Kubanga njagala ekisa so si ssaddaaka; n'okumanya Katonda okusinga ebiweebwayo

ebyokebwa.

- 7 Naye bo nga Adamu basobezza endagaano: eyo bankuusizza.
- 8 Gireyaadi kibuga ky'abo abakola obutali butuukirivu, kisiigiddwako omusaayi.
- 9 Era ng'ebibiina eby'abatemu bwe balindirira omusajja, ekibiina ekya bakabona bwe battira bwe batyo mu kkubo erigenda e Sekemu; weewaawo, bakoze eby'obukaba.
- 10 Mu nnyumba ya Isiraeri mwe ndabidde ekigambo eky'ekivve: obwenzi bulabikidde eyo mu Efulayimu, Isiraeri ayoonese.
- 11 Era naawe, ai Yuda, ebikungulwa byakuteekerwawo, bwe ndikomyawo obusibe obw'abantu bange.

Essuula 7

- 1 Bwe njagala okuwonya Isiraeri, obutali butuukirivu bwa Efulayimu ne bulyoka bulabika, n'obubi bwa Samaliya; kubanga bakola eby'obulimba: n'omubbi ayingira munda, n'ekibiina eky'abatemu banyagira e bweru.
- 2 So tebalowooza mu mitima gyabwe nga nze njjukira obubi bwabwe bwonna: kaakano ebikolwa byabwe bo bibazingizizza; biri mu maaso gange.
- 3 Basanyusa kabaka n'obubi bwabwe, n'abakungu n'ebby'obulimba byabwe.
- 4 Bonna benzi; balianga akabiga akakumibwa omwoki w'emigaati; alekera awo okuseesa omuliro ng'amaze okugoya obutta okutuusa lwe bunaamala okuzimbulukuka.
- 5 Ku lunaku lwa kabaka waffe abakungu beerwaza n'eddalu ery'omwenge: yagolola omukono gwe wamu n'abanyoomi.
- 6 Kubanga bategeese omutima gwabwe ng'akabiga, nga bateega: obusungu bwabwe bwabaka ne bukeesa obudde; enkya bwaka ng'omuliro ogwaka.
- 7 Bonna babugumye ng'akabiga, ne balya abalamuzi baabwe; bakabaka baabwe bonna bagudde: tewali ku bo ankaabira.
- 8 Efulayimu yeetabula mu mawanga; Efulayimu mugaati ogutakyusibwa.
- 9 Bannaggwanga balidde amaanyi ge, so tamanyi: weewaawo, atobese envi, so tamanyi.
- 10 mu maaso ge: era naye tebaddanga eri Mukama Katonda waabwe so tebamunoonnyanga, ebyo byonna newakubadde nga bimaze okubaawo.
- 11 Era Efulayimu alianga ejjiba essirusiru eritalina magezi: bakaabira Misiri, bagenda eri Obwasuli.
- 12 Bwe baligenda, ndibasulira ekitimba kyange; ndibassa wansi ng'ennyonyi ez'omu bbanga: ndibakangavvula ng'ekkuaaniro lyabwe bwe baawuliranga.
- 13 Zibasanze kubanga bawabye okunvaako; okuzikirira kubatuukeko! kubanga bansobezza: newakubadde nga njagala okubanunula, era naye banjogeddeko eby'obulimba.
- 14 So tebankaabidde n'omutima gwabwe, naye bawowogganira ku bitanda byabwe: bakuaanira eaano n'omwenge, banjeemera.
- 15 Newakubadde nga nayigiriza ne nnyweza emikono gyabwe, era naye banteesezzaako obubi.
- 16 Bakomawo naye si eri oyo ali waggulu; bali ng'omutege ogulimba: abakungu baabwe baligwa n'ekitala olw'okulaluka kw'olulimi lwabwe: kuno kwe kuliba okusekererwa kwabwe mu nsi y'e Misiri.

Essuula 8

- 1 Teeka ekkondeere ku mumwa gwo. Ng'empungu bw'atyo bw'ajja okulumba ennyumba ya Mukama: kubanga basobezza endagaano ne boonoona amateeka gange.

- 2 Balinkaabira nti Katonda wange, ffe Isiraeri tukumanyi.
- 3 Isiraeri asudde ekirungi: omulabe alibayigganya.
- 4 Bataddewo bakabaka naye si ku bwange; balonze abakungu nange nga sikimanyi; beekoledde ebifaananyi ne ffeeza yaabwe ne zaabu yaabwe balyoke bamalibwewo.
- 5 Asudde ennyana yo, ai Samaliya; obusungu bwange bubaakiddeko: ebiro biryenkana wa okutuusa lwe baliba n'obutayonoona?
- 6 Kubanga n'ekyo kivudde mu Isiraeri; omukozi ye yakikola, so si Katonda n'akatono: weewaawo, ennyana ya Samaliya erimenyekamenyeka.
- 7 Kubanga basiga embuyaga, era balikungula embuyaga ez'akazimu: talina aano emera; ekiti tekiribala mmere; n'okubala bwe kiriba kibaze, bannaggwanga baligiriira ddala.
- 8 Isiraeri aliiiriddwa ddala: kaakano bali mu mawanga ng'ekibya ekitaliiko bwe kisanyusa.
- 9 Kubanga bambuse eri Obwasuli ng'entulege eri emu yokka: Efulayimu aguliridde abaganzi.
- 10 Weewaawo, newakubadde nga bagulirira mu mawanga, kaakano naabakuaanya; era batanudde okukendeera olw'omugugu gwa kabaka w'abalangira.
- 11 Kubanga Efulayimu ayongedde ebyoto okuleeta okwonoona, ebyoto kyebivudde bibeera gy'ali eky'okuleeta okwonoona.
- 12 Newakubadde nga muwandiikira amateeka gange mu biragiro kakumi, biyitibwa kintu kinnaggwanga.
- 13 Ssaddaaka ez'ebyang'e biweebwayo, bawaayo ennyama okuba ssaddaaka ne bagirya; naye Mukama tabakkiriza: kaakano anajjukira obutali butuukirivu bwabwe n'abonereza olw'ebibi byabwe; balidda mu Misiri.
- 14 Kubanga Isiraeri yeerabidde Omukozi we, n'azimba amayumba; era Yuda ayongedde ebibuga ebiriko enkomera: naye ndiweereza omuliro ku bibuga bye, era gulyokya ebigo byabyo.

Essuula 9

- 1 Tosanyuka, ai Isiraeri, n'essanyu ng'amawanga; kubanga ogenze ng'oyenda okuva ku Katonda wo, weegomba empeera ku buli gguuliro.
- 2 Egguuliro n'essogolero tebiribaliisa, n'omwenge omusu gulimuggwaako.
- 3 Tebalibeera mu nsi ya Mukama; naye Efulayimu aliddayo mu Misiri, era baliriira mu Bwasuli emmere eteri nnongoofu.
- 4 Tebalifuka biweebwayo eby'omwenge eri Mukama, so talibasanyukira: ssaddaaka zaabwe ziriba gye bali ng'emmere y'abakungubazi; bonna abanaagiryangako baliba boononese: kubanga emmere yaabwe eriba ya kukkutibwa bukkutibwa; teriyingira mu nnyumba ya Mukama.
- 5 Mulikola ki ku lunaku olw'okukuaana okutukuvu, ne ku lunaku olw'embaga ya Mukama?
- 6 Kubanga, laba, bagenze okuva awali okuzikirira, era naye Misiri alibakuaanya, Menfisi alibaziika: ebintu byabwe ebya ffeeza ebisanyusa emyennyango giribyemala: amaggwa galiba mu weema zaabwe.
- 7 Ennaku ez'okubonererezaamu zituuse, ennaku ez'okusasuliramu zituuse; Isiraeri alikimanya: nnabbi musirusiru, omusajja alina omwoyo alaluse, olw'olufulube lw'obutali butuukirivu bwo, era kubanga obulabe bungi.
- 8 Efulayimu yabanga mukuumi eri Katonda wange: nnabbi, ekyambika eky'omutezi w'ennyonyi kiri mu makubo ge gonna, n'obulabe mu nnyumba ya Katonda we.
- 9 Beeyonoonye nnyo nnyini nga mu nnaku ez'e Gibeya: alijjukira obutali butuukirivu bwabwe, alibabonereza olw'ebibi byabwe.

- 10 Nasanga Isiraeri ng'ezabbibu mu ddungu; nalaba bajjajjammwe ng'esooka okwengera ku mutiini mu mwaka gwagwo ogw'olubereberye: naye ne bajja e Baalipyoli, ne beeyawulira ekyo ekikwasa ensonyi, ne bafuuka ab'emizizo ng'ekyo kye bayagala.
- 11 Efulayimu ekitiibwa kyabwe kiribuuka; kirigenda ng'ennyonyi: tewaliba kuzaala newakubadde ali olubuto newakubadde eggwako.
- 12 Newakubadde nga balera abaana baabwe; era naye ndibafiisiza, ne wataba muntu asigaddewo: weewaawo, era ziribasanga bwe ndibavaako.
- 13 Efulayimu asimbibwa mu kifo eky'okwesiima, nga bwe nnalaba Ttuulo: naye Efulayimu alifulumya abaana be eri omussi.
- 14 Bawe, ai Mukama: oliwa ki? bawe olubuto olutaasa n'amabeere amakalu.
- 15 Obubi bwabwe bwonna buli mu Girugaali; kubanga eyo gye nnabakyayira: olw'obubi obw'ebikolwa byabwe ndibagoba mu nnyumba yange: siribaagala nate; abakungu baabwe bonna bajeemu.
- 16 Efulayimu afumitiddwa, ekikolo kyabwe kikaze, tebalibala bibala: weewaawo newakubadde nga bazaala, era naye nditta ekibala eky'olubuto lwabwe ekyagalwa.
- 17 Katonda wange alibasuuula kubanga tebaamuwulira: era baliba mmomboze mu mawanga.

Essuula 10

- 1 Isiraeri muzabbibu ogwera, oguleeta ebibala byagwo: ng'ebibala bye bwe byali ebingi, bw'atyo bw'ayongedde ebyoto bye; ng'ensi ye bwe yeeyongera okuba ennungi, empagi ze baakola bwe zaabanga ennungi bwe zityo.
- 2 Omutima gwabwe gwawukanyeemu; kaakano banaalabika omusango nga gubasinze: alikuba ebyoto byabwe, alinyaga empagi zaabwe.
- 3 Mazima kaakano banaayogera nti Tetulina kabaka: kubanga tetutya Mukama; ne kabaka ayinza kutukolera ki?
- 4 Boogera ebigambo obugambo, nga balayira eby'obulimba mu kulagaana endagaano: omusango kyeguva gumerera mu mbibiro z'ennimiro ng'omususa.
- 5 Abali mu Samaliya entiisa eribakwata olw'ennyana ez'e Besaveni: kubanga abantu baakyo balikiwuubaalira, ne bakabona baakyo abaakisanyukira, baliwuubaalira ekitiibwa kyakyo, kubanga kikivuddeko.
- 6 Era nakyo kiritwalibwa e Bwasuli okuba ekirabo kya kabaka Yalebu: Efulayimu aliweebwa ensonyi, ne Isiraeri alikwatirwa ensonyi okuteesa kwe ye.
- 7 Samaliya, kabaka waamu azikiridde ng'ejjovu ku mazzi.
- 8 Era n'ebifo ebigulumivu eby'omu Aveni, okwonoona kwa Isiraeri, birizikirizibwa: amaggwa n'amatovu galimerera ku byoto byabwe; era baligamba ensozi nti Mutubikkeko; n'obusozi nti Mutugweko.
- 9 Ai Isiraeri, wayonoonanga okuva ku nnaku ez'e Gibeya: baayimirira eyo; olutalo lwe balwana n'abaana ab'obujeemu luleme okubatuukirako mu Gibeya.
- 10 Bwe ndiba nga njagadde, ndibakangavvula; n'amawanga galikuaanyizibwa okulwana nabo, bwe balisibibwa n'okusobya kwabwe kwombi.
- 11 Era Efulayimu nte nduusi eyigirizibwa, eyagala okusamba eaano; naye nninnye mu bulago bwe obulungi. Nditeeka ku Efulayimu alimwebagala; Yuda alirima; Yakobo alikuba amavuunike.
- 12 Mwesigire mu butuukirivu, mukungule ng'okusaasira bwe kuli; mukabale ettaka lyammwe eritali ddime: kubanga obudde butuuse okunoonya Mukama, okutuusa lw'alijja n'abatonyesaako obutuukirivu.
- 13 Mulimye obubi, mukungudde obutali butuukirivu; mulidde ebibala eby'obulimba: kubanga weesiganga ekkubo lyo, olufulube lw'abasajja bo ab'amaanyi.

- 14 Okusasamala kyekuliva kubeera mu bantu bo, n'ebigo byo byonna birinyagibwa, nga Sulumaani bwe yanyaga Beswaluberi ku lunaku olw'olutalo: nnyaabwe yatandaggirwa wamu n'abaana be.
- 15 Era bw'atyo Beseri bw'alibakola olw'obubi bwammwe obwenkanidde awo: emmambya bw'eriba ng'esala, kabaka wa Isiraeri alizikirizibwa ddala.

Essuula 11

- 1 Isiraeri bwe yali omwana omuto, namwagala, ne mpita omwana wange okuva mu Misiri.
- 2 Nga bwe beeyongera okubayita, bwe batyo bwe beeyongera okubavaako: baawangayo ssaddaaka eri Babaali, ne bootereza obubaane ebifaananyi ebyole.
- 3 Era naye nayigiriza Efulayimu okutambula; nabawambaatira mu mikono gyange; naye tebaamanya nga nze nabawonya.
- 4 Nabawalula n'emigwa egy'omuntu, n'ebisiba eby'okwagala; era nabanga gye bali ng'abo ababaggyako ekikoligo ekiri ku mba zaabwe, ne nteeka emmere mu maaso gaabwe.
- 5 Talidda mu nsi y'e Misiri; naye Omwasuli ye aliba kabaka we, kubanga baagaana okudda.
- 6 N'ekitala kirigwa ku bibuga bye, era kirirya ebisiba bye ne kimalawo olw'okuteesa kwabwe bo.
- 7 Era abantu bange bamaliridde okudda ennyuma okunvaako: newakubadde nga babayita okudda eri oyo ali waggulu, tewali n'omu akkiriza okumugulumiza.
- 8 Naakuwaayo ntya, Efulayimu? naakugabula ntya, Isiraeri? naakufuula ntya nga Aduma? naakussaawo ntya nga Zeboyimu? omutima gwange gukyuse munda yange, okusaasira kwange kwakidde wamu.
- 9 Sirituukiriza busungu bwange obukambwe, siridda kuzikiriza Efulayimu: kubanga nze Katonda so siri muntu; Omutukuvu ali wakati wo: so siriyingira mu kibuga.
- 10 Balitambula okugoberera Mukama, naye aliwuluguma ng'empologoma: kubanga aliwuluguma, n'abaana abato balijja nga bakankana okuva ebugwanjuba.
- 11 Balijja nga bakankana ng'ennyonyi eva mu Misiri, era ng'ejjiba eriva mu nsi y'e Bwasuli: era ndibatuuza mu nnyumba zaabwe, bw'ayogera Mukama.
- 12 Efulayimu anneetooloozezza obulimba, n'ennyumba ya Isiraeri enneetooloozezza obukuusa: naye Yuda akyafuga awali Katonda, era mwesigwa awali Omutukuvu.

Essuula 12

- 1 Efulayimu alya mpewo, era agoberera empewo ez'ebuvanjuba: tata kwongera bya bulimba na kuziika; era balagaana endagaano n'Obwasuli, n'amafula gatwalibwa mu Misiri.
- 2 Era Mukama alina empaka ne Yuda, era alibonereza Yakobo ng'amakubo ge bwe gali; alimusasula ng'ebikolwa bye bwe biri.
- 3 Mu lubuto yamukwata muganda we ku kisinziro; era bwe yakula n'aba n'obuyinza eri Katonda:
- 4 weewaawo, yabanga n'obuyinza ku malayika n'awangula: yakaaba amaziga n'amwe-gayirira: yamulaba e Beseri, era eyo gye yayogerera naffe;
- 5 Mukama Katonda ow'eggye; Mukama kye kijjukizo kye.
- 6 Kale kyukira Katonda wo: okwatanga okusaasira n'omusango, omulindiriranga Katonda wo ennaku zonna.
- 7 Musuubuzi, minzaani ey'obulimba eri mu mukono gwe: ayagala okujooga.

- 8 Efulayimu n'ayogera nti Mazima ngaggawadde, nneefunidde ebintu: mu kutegana kwange kwonna tebalindabako butali butuukirivu bwonna obwandibadde ekibi.
- 9 Naye nze ndi Mukama Katonda wo okuva mu nsi y'e Misiri; oliboolyawo ne nkutuuzza mu weema nga ku nnaku ez'embaga ey'okwewombeekerako.
- 10 Era nayogeranga ne bannabbi, era nnyongedde okwolesebwa; era nagereranga engero mu mukono gwa bannabbi.
- 11 Gireyaadi butali butuukirivu? bo butaliimu bwereere; mu Girugaali gye basalira ente okuba ssaddaaka: weewaawo, ebyoto byabwe biri ng'ebifunvu mu mbibiro z'ennimiro:
- 12 Awo Yakobo n'addukira mu nnimiro ya Alamu, Isiraeri n'aweereza omukazi, era n'alundira omukazi.
- 13 Era Mukama n'aggya Isiraeri mu Misiri ku bwa nnabbi, era nnabbi ye yamuwonya.
- 14 Efulayimu asunguwazizza nnyo nnyini: omusaayi gwe kyeguliva gusigala ku ye, n'ekivume kye Mukama we alikimusasula.

Essuula 13

- 1 Efulayimu bwe yayogera, ne wabaawo okukankana; yeegulumiza mu Isiraeri: naye bwe yayonoona olwa Baali, n'afa.
- 2 Awo kaakano beeyongerayongerera okwonoona, era beekoledde ebifaananyi ebisaanuse ne ffeeza yaabwe, esanamu ng'amagezi gaabwe bo bwe gali, zonna mulimu gwa mukozzi: bazoogerako nti Abasajja abasala ssaddaaka banywegere ennyana.
- 3 Kyebaliva babeera ng'ekire eky'enkye, era ng'omusulo oguggwaako nga bukyali, ng'ebisusunku embuyaga ez'akazimu bye zitwala okubiggya mu gguuliro, era ng'omukka oguva mu kituli ogufuluma.
- 4 Era naye nze ndi Mukama Katonda wo okuva mu nsi y'e Misiri; so naawe tolimanya Katonda mulala wabula nze, so tewali mulokozi wazira nze.
- 5 Nakumanyira mu ddungu, mu nsi ey'ennyonta ennyingi.
- 6 Ng'edduro lyabwe bwe lyabanga, bwe bakkutanga bwe batyo; bakkuta, omutina gwabwe ne gwegulumiza; kyebavudde banneerabira nze.
- 7 Kyenvudde mbeera gye bali ng'empologoma: ng'engo nditeegera mu kkubo:
- 8 ndisisinkana nabo ng'eddubu enyagiddwako abaana baayo, era ndiyuza olubiko olw'oku mutima gwabwe: era ndibaliira eyo ng'empologoma; ensolo ey'omu nsiko eribataagula.
- 9 Kwe kuzikirira kwo, ai Isiraeri, kubanga oli mulabe wange, omulabe w'omubeezi wo.
- 10 Kabaka wo nno ali ludda wa, akulokole mu bibuga byo byonna? n'abalumizi bo be wayogerako nti Mpa kabaka n'abakungu?
- 11 Nkuwadde kabaka nga ndiko obusungu, era mmuggyeewo nga ndiko ekiruyi.
- 12 Obutali butuukirivu bwa Efulayimu busibiddwa; ekibi kye kiterakeddwa.
- 13 Obubalagaze bw'omukazi alumwa okuzaala bulimutuukako: ye mwana atalina magezi; kubanga ekiseera kituuse aleme okulwa mu kifo omuyita abaana nga bazaalibwa.
- 14 Ndibanunula eri amaanyi ag'amagombe; ndibagula okuva eri okufa: ggwe okufa, ebibonoobono byo biri ludda wa? ggwe entaana, okuzikiriza kwo kuli ludda wa? okwenenya kulikwekebwa amaaso gange.
- 15 Newakubadde ng'alina ebibala bingi mu baganda be, embuyaga ez'ebuvanjuba zirijja, omukka gwa Mukama ogulinnya okuva mu ddungu, oluzzi lwe ne lukalira, ensulo ye n'eggwaawo: alinyaga ebibya byonna ebisanyusa ebyaterekebwa.
- 16 Samaliya alibaako omusango gwe; kubanga ajeemedde Katonda we: baligwa n'ekitala; abaana baabwe abawere balitandagirwa, n'abakazi baabwe abali embuto

balibaagibwa.

Essuula 14

- 1 Ai Isiraeri, komawo eri Mukama Katonda wo; kubanga ogudde olw'obutali butuukirivu bwo.
- 2 Mutwale ebigambo wamu nammwe, mukomewo eri Mukama: mumugambe nti Ggyawo obutali butuukirivu bwonna, okkirizeeko ebirungi: bwe tutyo tunaasasula ekiweebwayo eky'omu mimwa gyaffe, ng'ente ennume.
- 3 Asuli talituwonya; tetulyebagala embalaasi: so tetuligamba nate mulimu gwa mikono gyaffe nti Mmwe muli bakatonda baffe: kubanga eri ggwe atalina kitaawe gy'alabira okusaasirwa.
- 4 Ndiwonya okudda kwabwe ennyuma, ndibaagala ku bwange: kubanga obusungu bwange bukyuse okumuvaako.
- 5 Ndiba eri Isiraeri ng'omusulo: alimulisa ng'eddanga, era alisimba emizi gye nga Lebanooni.
- 6 Amatabi ge galiranda, n'obulungi bwe buliba ng'omuzeyituuni, n'akaloosa ke nga Lebanooni.
- 7 Ababeera wansi w'ekisiikirize kye balikomawo; balirama ng'eaano, ne bamulisa ng'omuzabbibu: akawoowo ke kaliba ng'omwenge ogwa Lebanooni.
- 8 Efulayimu alyogera nti Nkyafaayo ki eri ebifaananyi? Nze njitabye, era ndissaayo omwoyo eri ye: nninga omuberosi omugimu; ebibala byo birabika okuva gye ndi.
- 9 Ani alina amagezi n'ategeera bino? ani alina obukabakaba n'abimanya? kubanga amakubo ga Mukama ga nsonga, n'abatuukirivu banaagatambulirangamu; naye abasobyabwanga banaagwanga omwo.

Yoweeri

Essuula 1

- 1 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Yoweeri mutabani wa Pesweri.
- 2 Muwulire kino, mmwe abakadde, era mutege okutu, mmwe mwenna abali mu nsi. Kino kyali kibaddewo mu biro byammwe oba mu biro bya bajjajjammwe?
- 3 Mukibuulire abaana bammwe, n'abaana bammwe babuulire abaana baabwe, n'abaana baabwe ab'emirembe emirala.
- 4 Ebyo akawuka bye kafissizzaawo enzige ebridde; n'ebyo enzige bye yafissizzawo kalusejjera kabiridde; n'ebyo kalusejjera bye kafissizzaawo akaacaaka kabiridde.
- 5 Muzuukuke, mmwe abatamiivu, mukaabe amaziga; muwowoggane, mmwe mwenna abanywa omwenge, olw'omwenge omuwoomerevu; kubanga gumaliddwawo okuva ku kamwa kammwe.
- 6 Kubanga eggwanga litabadde ensi yange, ery'amaanyi eritabalika: amannyo ge mannyo ga mpologoma, era alina amasongezo ag'empologoma enkulu.
- 7 Azisizza omuzabbibu gwange, era asasambudde omutiini gwange: agusasambulidde ddala, era agusudde wala; amatabi gaagwo gafuuse meeru.
- 8 Kungubaga ng'omuwala ey'esibye ebibukutu bw'akungubagira bba ow'omu buwala bwe.
- 9 Ekiweebwayo eky'obutta n'ekiweebwayo eky'okunywa bimaliddiwawo okuva mu nnyumba ya Mukama; bakabona, abaweereza ba Mukama, bawuubaala.
- 10 Ennimiro ezise, ensi ewuubaala; kubanga eaano ezise, omwenge omusu gukaze, amafuta gagweerera.
- 11 Mukwatibwe ensonyi, mmwe abalimi, muwowoggane, mmwe abawawaagula emizabbibu, olw'eaano ne sayiri; kubanga ebikungulwa eby'omu nnimiro bifudde.
- 12 Omuzabbibu guwotose, n'omutiini guyongobera; omukomamawanga n'olukindu n'omucungwa, emiti gyonna egy'omu nnimiro, giwotose: kubanga essanyu liwotose okuva ku baana b'abantu.
- 13 Mwesibe ebibukutu mukungubage, mmwe bakabona; muwowoggane, mmwe abaweereza ab'ekyoto; mujje mugalamire nga mwambadde ebibukutu mukeese obudde, mmwe abaweereza ba Katonda wange: kubanga ekiweebwayo eky'obutta n'ekiweebwayo eky'okunywa baguguba nabyo eri ennyumba ya Katonda wammwe.
- 14 Mutukuze okusiiba, muyite okukuaana okutukuvu, mukuaanyize abakadde ne bonna abali mu nsi eri ennyumba ya Mukama Katonda wammwe, mumukaabire Mukama.
- 15 Zitusanze olw'olunaku kubanga olunaku lwa Mukama lunaatera okutuuka, era lulijja ng'okuzikiriza okuva eri Omuyinza w'ebintu byonna.
- 16 Emmere temaliddwawo ffe nga tulaba, weewaawo, essanyu n'okujaguza okuva mu nnyumba ya Katonda waffe?
- 17 Ensigo zivunda wansi w'amafunfugu gaazo; amawanika galekeddwawo, amaterekero gasuuliddwa; kubanga eaano ewotose.
- 18 Ensolo nga zisinda! amagana g'ente gabuliddwa amagezi, kubanga tezirina muddo; weewaawo, ebisibo by'endiga birekeddwawo.
- 19 Ai Mukama, ggwe nkaabira: kubanga omuliro gwokezza amalundiro ag'omu ddungu, n'ennimi zaagwo zookezza emiti gyonna egy'omu nnimiro.
- 20 Weewaawo, ensolo ez'omu nsiko zikuwankirawankira: kubanga emigga egy'amazzi gikalidde, n'omuliro gwokezza amalundiro ag'omu ddungu.

Essuula 2

- 1 Mufuuyire ekkondeere mu Sayuuni, era mulayize ku lusozi lwange olutukuvu; bonna abali mu nsi bakankane: kubanga olunaku lwa Mukama lujja, kubanga luli kumpi;
- 2 olunaku olw'ekizikiza n'ekikome, olunaku olw'ebire n'ekizikiza ekikutte, ng'emmambya bw'esalira ku nsozi; eggwanga eddene era ery'amaanyi, tewabangawo eribenkana, so tewalibaawo nate oluvannyuma lwabwe, okutuusa ku myaka egy'emirembe emingi.
- 3 Omuliro gwokya mu maaso gaabwe; era ennyuma waabwe ennimi z'omuliro zaaka: ensi eri ng'olusuku lwa Adeni mu mberi yaabwe, n'e nnyuma yaabwe ddungu eryazika so naye tewali eyali abawonye.
- 4 Enfaanana yaabwe eri ng'enfaanana y'embalaasi; era ng'abeebagadde embalaasi bwe baddukana bwe batyo embiro:
- 5 Babuuka nga bawuuma ng'amagaali bwe gawuumira ku ntikko z'ensozi, ng'omuliro bwe guwuuma ogwokya ensambu ng'eggwanga ery'amaanyi erisimbye ennyiriri olw'olutalo.
- 6 Olw'okujja kwabwe abantu babalagalwa amaaso gonna gafuuse ebbala.
- 7 Badduka mbiro ng'abasajja ab'amaanyi; balinnya bbugwe ng'abasajja abalwany; era basimba buli muntu mu kkubo lye, so tebasobya nnyiriri.
- 8 So tewali eyeesiga munne; basimba buli muntu mu mpitiro ye: era bawagulira awali ebyokulwanyisa, so tebakoma mu lugendo lwabwe.
- 9 Babuuka bagwa ku kibuga; bafubutukira ku bbugwe; bawalampa ne batuuka mu nnyumba; bayingirira mu madirisa ng'omubbi.
- 10 Ettaka likankana mu maaso gaabwe; eggulu lijugumira, enjuba n'omwezi bibaako ekizikiza n'emmunyeeye zirekayo okwaka kwazo:
- 11 era Mukama aleeta eddoozi lye mu maaso g'eggye lye kubanga olusiisira lwe lunene nnyo kubanga oyo atuukiriza ekigambo kye wa maanyi: kubanga olunaku lwa Mukama lukulu, lwa ntiisa nnyo nnyini; era ani ayinza okulusobola?
- 12 Era naye ne kaakano munkyukire n'omutima gwammwe gwonna, n'okusiiba n'okukaaba amaziga n'okuwuubaala:
- 13 era muyuze omutima gwammwe so si byambalo byammwe, mukyukire Mukama Katonda wammwe: kubanga wa kisa, era ajjudde okusaasira, alwawo okusunguwala, era akwatirwa nnyo ekisa, era yejjusa obutaleeta bubi.
- 14 Ani amanyi oba nga taakyuke ne yejjusa n'aleka omukisa ennyuma we, kye kiweebwayo eky'obutta n'ekiweebwayo eky'okunywa eri Mukama Katonda wammwe?
- 15 Mufuuyire ekkondeere mu Sayuuni, mutukuze okusiiba, muyite okukuaana okutukuvu:
- 16 mukuaanye abantu, mutukuze ekibiina, mukuaanye abakadde, muleete abaana abato n'abo abayonka amabeere: awasa omugole ave mu kisenge kye, n'omugole mu nju ye.
- 17 Bakabona, abaweereza ba Mukama, bakaabire amaziga wakati w'ekisasi n'ekyoto, era boogere nti Saasira abantu bo, ai Mukama, so towaayo busika bwo okuvumibwa, amawanga okubafuga: kiki ekinaaba kiboogezza mu mawanga nti Katonda waabwe ali ludda wa?
- 18 Awo Mukama n'akwatirwa obuggya ensi ye, n'asaasira abantu be.
- 19 Awo Mukama n'addamu n'agamba abantu be nti Laba, ndibaweereza eaano n'omwenge n'amafuta, era biribakkusa:
- 20 so siribafuula nate ekivume mu mawanga: naye ndibaggyako eggye ery'obukiika bwa kkono ne nditwala wala, ne mbagobera mu nsi enkalu eyalekebwawo, abakulembeze be mu nnyaja ey'ebuvanjuba, n'abasembi be mu nnyanja ey'ebugwanjuba; n'ekivundu

- kye kiririnnya, n'okuwunya kwe kulirinnya, kubanga akoze bikulu.
- 21 Totya, ggwe ensi, sanyuka ojaguze; kubanga Mukama akoze ebikulu.
 - 22 Temutya, mmwe ensolo ez'omu nsiko; kubanga amalundiro ag'omu ddungu galoka, kubanga omuti gubala ebibala byagwo, omutiini n'omuzeyituuni gireeta amaanyi gaagyo.
 - 23 Kale musanyuke, mmwe abaana ba Sayuuni, era mujagulize Mukana Katonda wammwe: kubanga abawa enkuba eya ttoggo mu kigera kyayo ekisaana, era abatonnyeseza enkuba, enkuba eya ttoggo n'enkuba eya ddumbi, mu mwezi ogw'olubeeberye.
 - 24 N'amawuuliro galiijula eaano, n'amasogolero galiyiika omwenge n'amafuta.
 - 25 Era ndibaddiza emyaka enzige gye yalya, kalusejjera n'akaacaaka n'akawuka, eggye lyange eringi lye nnagaba okubatabaala.
 - 26 Kale munaalyanga bingi nnyo, ne mukkuta, ne mutendereza erinnya lya Mukama Katonda wammwe eyabakola eby'ekitalo: n'abantu bange tebalikwatibwa nsonyi ennaku zonna.
 - 27 Era mulimanya nga ndi wakati mu Isiraeri, era nga ndi Mukama Katonda wammwe, so tewali mulala: n'abantu bange tebalikwatibwa nsonyi.
 - 28 Awo olulituuka oluvannyuma ndifuka omwoyo gwange ku bonna abalina omubiri; kale batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula, abakadde bammwe baliroota ebirooto, abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa:
 - 29 era ne ku baddu ne ku bazaana mu nnaku ezo kwe ndifuka omwoyo gwange.
 - 30 Era ndyolesa eby'ekitalo mu ggulu ne mu nsi, omusaayi n'omuliro n'empagi ez'omukka.
 - 31 Enjuba erifuuka kizikiza, n'omwezi okuba omusaayi, olunaku lwa Mukama olukulu era olw'entiisa nga terunnaba kujja.
 - 32 Awo olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka: kubanga ku lusozi Sayuuni ne mu Yerusaalemi walibaawo abo abaliwona, nga Mukama bwe yayogera, ne mu kitundu ekirifikkawo mulibaamu abo Mukama b'aliyita.

Essuula 3

- 1 Kubanga, laba, mu nnaku ezo ne mu biro ebyo, bwe ndikomyawo obusibe bwa Yuda ne Yerusaalemi,
- 2 ndikuaanya amawanga gonna ne mbaserengesa mu kiwonvu kya Yekosaffaati; kale ndiyima eyo ne mpolereza abantu bange n'obusika bwange Isiraeri be basaasaanyirizza mu mawanga ne bagabana ensi yange.
- 3 Era bakubidde abantu bange obululu: era bawaddeyo omulenzi olw'omukazi omwenzi, ne batunda omuwala olw'omwenge, balyoke banywe.
- 4 Weewaawo, nammwe nfaayo ki eri mmwe, mmwe Ttuulo ne Sidoni n'enjuyi zonna ez'Obufirisuuti? Mulinsasula? n'okusasula bwe muliba nga munsasudde, ndyanguya mangu ndisambyako okuzza okusasula kwammwe ku mutwe gwammwe mmwe.
- 5 Kubanga mututte effeeza yange ne zaabu yange, ne mutwala mu biggwa byammwe ebintu byange ebirungi ebisanyusa;
- 6 era abaana ba Yuda n'abaana ba Yerusaalemi mwabaguza abaana b'Abayonaani, mubajjulule okubatwala ewala n'ensalo yaabwe:
- 7 laba, ndibagolokosa mu kifo gye mwabatunda, era ndizza okusasula kwammwe ku mutwe gwammwe mmwe:
- 8 era nditunda batabani bammwe ne bawala bammwe mu mukono gw'abaana ba Yuda, n'abo balibaguza abasajja b'e Seba, eggwanga eriri ewala: kubanga Mukama ye akyogedde.

- 9 Mulangirire kino mu mawanga; mutegeke obulwa: mugolokose abasajja ab'amaanyi: abasajja bonna abalwanyi basembere, bambuke.
- 10 Muweese enkumbi zammwe okuba ebitala, n'ebiwabyo byammwe okuba amafumu: omunafu ayogere nti Ndi wa maanyi.
- 11 Mwanguwe mujje, mmwe mwenna amawanga ageetoolodde mukuaane: serengesa eyo ababo ab'amaanyi, ai Mukama:
- 12 Amawanga gayimuke gambuke mu kiwonvu kya Yekosaffaati: kubanga eyo gye ndituula okusala omusango gw'amawanga gonna ageetoolodde.
- 13 Muteekeewo ekiwabyo, kubanga ebikungulwa byengedde: mujje musambe; kubanga essogolero lijjudde, amabanvu gayiika; kubanga obubi bwabwe bungi.
- 14 Oluggube, oluggube, oluggube lw'abantu bali mu kiwonvu eky'okumaliririramu! kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi mu kiwonvu eky'okumaliririramu.
- 15 Enjuba n'omwezi biriko ekizikiza, n'emmunyeenye zirekayo okwaka kwazo.
- 16 Awo Mukama aliwuluguma ng'ayima e Sayuuni, alireeta eddoozi lye ng'ayima e Yerusaalemi; n'eggulu n'ensi birikankana: naye Mukama aliba buddukiro eri abantu be era ekigo eri abaana ba Isiraeri.
- 17 Bwe mutyo mulimanya nga nze ndiMukama Katonda wammwe, abeera ku Sayuuni olusozi lwange olutukuvu: kale Yerusaalemi kiriba kitukuvu so tewaliba bannaggwanga abalikiyitamu nate.
- 18 Awo olulituuka ku lunaku luli ensozi ziritonnya omwenge omuwoomerevu n'obusozi bulikulukuta amata, n'obugga bwonna obwa Yuda bulikulukuta amazzi; era oluzzi luliva mu nnyumba ya Mukama, lulifukirira ekiwonvu Sittimu.
- 19 Misiri eriba matongo, ne Edomu eriba ddungu eryalekebwawo, olw'ekyejo ekya-girirwa abaana ba Yuda, kubanga bayiye omusaayi ogutaliiko musango mu nsi yaabwe.
- 20 Naye Yuda alibeerera ennaku zonna, ne Yerusaalemi okuva ku mirembe okutuuka ku mirembe gyonna.
- 21 Era ndirongoosa omusaayi gwabwe gwe ssaalongoosa: kubanga Mukama abeera ku Sayuuni.

Amosi

Essuula 1

- 1 Ebigambo byai eyali ow'oku basumba b'e Tekowa, bye yalaba ebya Isiraeri mu mirembe gya Uzziya kabaka wa Yuda, ne mu mirembe gya Yerobowaamu mutabani wa Yowaasi kabaka wa Isiraeri ng'ekyasigaddeyo emyaka ebiri okutuuka ku kikankano ky'ensi.
- 2 N'ayogera nti Mukama aliwuluguma ng'ayima e Sayuuni, era alireeta eddoboosi lye ng'ayima e Yerusaalemi; kale amalundiro ag'abasumba galiwnubaala, n'entikko ya Kalumeeri eriwotoka.
- 3 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonoono bisatu ebya Ddamasiko, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwakyo okukivaako; kubanga bawudde Gireyaadi n'ebintu ebiwuula eby'ebyuma:
- 4 naye ndiweereza omuliro mu nnyumba ya Kazayeeri, kale gulyokya amayumba ga Benukadadi.
- 5 Era ndimenya ekisiba kya Ddamasiko, ne mmalawo oyo abeera mu kiwonvu kya Aveni, n'oyo akwata omuggo ogw'obwakabaka ndimulawo okuva ku nnyumba ya Adeni: n'abantu ab'e Busuuli baligenda mu busibe e Kiri, bw'ayogera Mukama.
- 6 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonoono bya Gaza bisatu, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwakyo okukivaako; kubanga batwala nga basibe eggwanga lyonna okubawaayo eri Edomu:
- 7 naye ndiweereza omuliro ku bbugwe w'e Gaza, era gulyokya amayumba gaakyo:
- 8 era ndimalawo abali mu Asudodi, n'oyo akwata omuggo ogw'obwakabaka ndimulawo okuva ku Asukuloni: era ndikyusa omukono gwange okulwana ne Ekuloni, n'ekitundu ekifissewo eky'Abafirisuuti balizikirira, bw'a yogera Mukama Katonda.
- 9 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonoono bya Ttuulo bisatu, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwakyo okukivaako; kubanga bagabula eggwanga lyonna eri Edomu ne batajjukira ndagaano ey'oluganda:
- 10 naye ndiweereza omuliro ku bbugwe w'e Ttuulo, era gulyokya amayumba gaakyo.
- 11 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonoono bya Edomu bisatu, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwe okumuvaako; kubanga yayigganyanga muganda we n'ekitala, n'asuula okusaasira kwonna, obusungu bwe ne butaagulataagula ennaku zonna n'aguguba n'ekiruyi kye emirembe gyonna:
- 12 naye ndiweereza omuliro ku Temani, era gulyokya amayumba ag'e Bozula.
- 13 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonoono eby'abaana ba Amoni bisatu, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwabwe okubavaako; kubanga babaaze abakazi abali embuuto ab'e Giriyaadi, balyoke bagaziye ensalo yaabwe:
- 14 naye ndikuma omuliro mu bbugwe w'e Labba, era gulyokya amayumba gaakyo, nga baleekaana ku lunaku olw'olutalo, kibuyaga ng'akunta ku lunaku olw'embuyaga ez'akazimu:
- 15 era kabaka waabwe aligenda mu busibe, ye n'abakungu be wamu, nw'ayogera Mukama.

Essuula 2

- 1 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonoono bya Mowaabu bisatu, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwakyo; kubanga yayokya amagumba ga kabaka wa Edomu n'agafuula evvu:
- 2 naye ndiweereza omuliro ku Mowaabu, era gulyokya amayumba ag'e Keriyoozi; era

- Mowaabu alifa, nga basasamala nga baleekaana nga bafuuwa ekkondeere:
- 3 era ndimalawo omulamuzi okuva wakati mu kyo, era ndittira abakungu baamu bonna wamu naye, bw'ayogera Mukama.
 - 4 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonono bya Yuda bisatu, weewaawo, olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwe okumuvaako; kubanga bagaanyi amateeka ga Mukama, so tebakutte biragiro bye, n'eby'obulimba byabwe bibawabizza, bajjaj-jaabwe bye baagobereranga mu kutambua kwabwe:
 - 5 naye ndiweereza omuliro ku Yuda, era gulyokya amayumba ag'e Yersaalemi.
 - 6 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Olw'ebyonono bya Isiraeri bisatu, weewaawo, olw'ebina, siiiikyusa kubonerezebwa kwe okumuvaako; kubanga batunze omutuukirivu olw'effeeza n'eyeetaaga olw'omugogo gw'engatto:
 - 7 abawankirawankira enfuufu ey'oku nsi ey'oku mutwe gw'abaavu, ne bakyamya olugendo olw'abawombeefu: n'omusajja ne kitaawe baliyingira eri omuwala omu, okwonoona erinnya lyange ettukuvu:
 - 8 era bagalamira ku mabbali ga buli kyoto ku ngoye ze basingirwa, ne mu nnyumba ya Katonda waabwe mwe banywera omwenge gw'abo be batanze.
 - 9 Era naye nazikiriza Omwamoli mu mberi yaabwe, obuwanvu bwe bwali ng'obuwanvu obw'emivule, era yali wa maanyi ng'emyera; era naye nazikiriza ebibala bye engulu n'emimizi gye wansi.
 - 10 Era nabalinyisa nga mbaggya mu nsi y'e Misiri ne mbaluamiza emyaka amakumi ana mu ddungu, okulya ensi ey'Omwamoli.
 - 11 Ne ngolokosa ku batabani bammwe okuba bannabbi, ne ku balenzi bammwe okuba Abawonge. Si bwe kiri bwe kityo, ai mmwe abaana ba Isiraeri? bw'ayogera Mukama.
 - 12 Naye ne muwa Abawonge omwenge okunywa; ne mulagira bannabbi nga mwogera nti Temulagula.
 - 13 Laba, ndibanyigiriza mu kifo kyammwe, ng'eggaali erijjudde ebinywa bwe linyigiriza.
 - 14 Awo okudduka kulibula ow'embiro, so n'ow'amaanyi talyongera maanyi ge, so n'omuzira talyewonya:
 - 15 so n'oyo akwata omutego taliyimirira; era n'omuddusi w'embiro talyewonya wadde n'oyo eyeebagala embalaasi talyewonya:
 - 16 n'oyo alina obugumu mu b'amaanyi alidduka ng'ali bwereere ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama.

Essuula 3

- 1 Muwulire ekigambo kino Mukama ky'aboogeddeko, mmwe abaana ba Isiraeri, ku kika kyonna kye nnalinyisa nga nkiggya mu nsi y'e Misiri, ng'ayogera nti
- 2 Mmwe mwekka be nnamanya ku bika byonna eby'ensi zonna: kyendiva mbabonereza olw'obutali butuukirivu bwammwe bwonna.
- 3 Ababiri bayinza okutambulira awamu wabula nga batabaganye?
- 4 Empologoma ewulugumira mu kibira nga terina muyiggo? empologoma ento eyima mu mpuku yaayo okulira nga teriiko ky'ekutte?
- 5 Ennyonyi eyinza okugwa mu mutego ku nsi nga tebagiteze kakunizo? omutego guma-suka okuva wansi nga teguliiko kye gukwasizza?
- 6 Bafuuyira ekkondeere mu kibuga, abantu ne batatya? obubi bugwa ku kibuga, Mukama nga tabuleese?
- 7 Mazima Mukama Katonda taliiko ky'alikola wabula ng'abikkulidde abaddu be bannabbi ekyama kye.
- 8 Empologoma ewulugumye, ani ataatyee? Mukama Katonda ayogedde, ani ayinza

obutalagula?

- 9 Mulangirire mu mayumba mu Asudodi ne mu mayumba mu nsi y'e Misiri, mwogere nti Mukuaanire ku nsozi ez'e Samaliya, mulabe enjoogaano eziri omwo bwe zenkana obungi, n'okujooga bwe kuli okuli omwo wakati.
- 10 Kubanga tebamanyi kukola bya nsonga, bw'ayogera Mukama, abo abatereka ekyejo n'obunyazi mu mayumba gaabwe.
- 11 Mukama Katonda kyava ayogera bw'ati nti Walibaawo omulabe, okwetooloola ensi enjuyi zonna: naye alikkakkanya amaanyi go okukuvaako, n'amayumba go galinyag-ibwa.
- 12 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Ng'omusumba bw'awonyaako mu kamwa k'empoloma amagulu abiri oba ekitundu ky'okutu; bwe batyo abaana ba Isiraeri bwe bali-wonyezebwa, abatuula mu Samaliya mu nsonda y'ekiriri ne ku bigugu ebya aliiri eby'oku kitanda:
- 13 Muwulire mube abajulirwa eri ennyumba ya Yakobo, bw'ayogera Mukama Katonda, Katonda ow'eggye.
- 14 Kubanga ku lunaku lwe ndibonereza Isiraeri olw'ebyonoono bye, era ndibonereza n'ebyoto bya Beseri, n'amayembe g'ekyoto galisalihwako ne gagwa wansi.
- 15 Era ndikuba ennyumba eya ttoggo wamu n'ennyumba ey'ekyeya; n'ennyumba ez'amasanga ziribula, n'amayumba amanene galikoma, bw'ayogera Mukama.

Essuula 4

- 1 Muwulire ekigambo kino, mmwe ente ez'e Basani, abali ku lusozi lwa Samaliya, abajooga abaavu, abakamula abeetaaga, abagamba bakama baabwe nti Muleete tunywe.
- 2 Mukama Katonda alayidde obutukuvu bwe nga, laba, ennaku ziribatuukako lwe balibaggyawo n'amalobo, n'ekitundu kyammwe ekirifikkawo balibaggyawo n'amalobo agavuba.
- 3 Era mulivaamu nga muyita mu bituli ebiwaguddwa, buli nte ng'esimbira ddala mu maaso gaayo; ne mwesuula mu Kalumooni, bw'ayogera Mukama.
- 4 Mujje e Beseri mwonoone; mujje e Girugaali mwongere okwonoona kwammwe; era muleetenga ssaddaaka zammwe buli nkya n'ebitundu byammwe eby'ekkumi buli nnaku essatu;
- 5 muweeyo ssaddaaka ey'okwebaza ku ebyo ebizimbulukuswa, mulangirire ebiweebwayo ku bwammwe mubiraalike: kubanga ekyo kye musiima, ai mmwe abaana ba Isiraeri, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 6 Era nange mbawadde obulongoofu bw'amannyo mu bibuga byammwe n'okubulwa emmere mu mayumba gammwe gonna: era naye temuddanga gye ndi, bw'ayogera Mukama.
- 7 Era nange mbaziyirizza enkuba, ng'ekyasigaddeyo emyezi esatu okutuusa amakungula: ne ntonnyesa enkuba ku kibuga ekimu, ne nziyiza enkuba okutonnya ku kibuga ekirala: ekitundu kimu kyatonnyebwako, n'ekitundu ky'etaatonnyako ne kiwotoka.
- 8 Awo ab'omu bibuga ebibiri oba bisatu ne batambulatambula ne batuuka mu kibuga ekimu okunywa amazzi, so tebakkutanga: era naye temuddanga gye ndi, bw'ayogera Mukama.
- 9 Mbakubye n'okugengewala n'obukuku: akawuka kalidde olufulube lw'ensuku zammwe n'ensuku zammwe ez'emizabbibu n'emitiini gyammwe n'emizeyituuni gyammwe: era naye temuddanga gye ndi, bw'ayogera Mukama.
- 10 Mpeerezza mu mmwe kawumpuli ng'engeri ey'e Misiri bwe yali: abalenzi bammwe mbasse n'ekitala, ne nziyawo embalaasi zammwe; ne nninyisiza ne mu nnyindo

zammwe okuwunya kw'olusiisira lwammwe: era naye temuddanga gye ndi, bw'ayogera Mukama.

- 11 Nsude abamu ku mmwe nga Katonda bwe yasuula Sodomu ne Ggomola, nammwe ne muba ng'omumuli ogusiikibwa mu muliro: era naye temuddanga gye ndi, bw'ayogera Mukama.
- 12 Kyendiva nkukola bwe nti, ai Isiraeri: era kubanga ndikukola kino, weeteeketeke okusisinkana ne Katonda wo, ai Isiraeri.
- 13 Kubanga, laba, oyo abumba ensozi, era atonda embuyaga, era abuulira omuntu by'alowooza, afuula enkya okuba ekizikiza, era alinnya ku bifo ebigulumivu eby'ensi; Mukama Katonda ow'eggye lye linnya lye.

Essuula 5

- 1 Muwulire ekigambo kino kye nkwata okubakungubagira, ai ennyumba ya Isiraeri.
- 2 Omuwala wa Isiraeri agudde; takyayimuka nate: asuuliddwa wansi ku nsi ye tewali wa kumuyimusa.
- 3 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ekibuga ekyavangamu olukumi kirisigazaawo kikumi, n'ekyo ekyavangamu ekikumi kirisigazaawo kkumi, eri ennyumba ya Isiraeri.
- 4 Kubanga bw'ati Mukama bw'agamba ennyumba ya Isiraeri nti Munnoonye, kale munaabanga balamu:
- 5 naye temunoonyanga Beseri, so temuyingiranga mu Girugaali, so temuyitanga okugenda e Beeruseba: kubanga Girugaali tekirirema kugenda mu busibe, ne Beseri kiriggwaawo.
- 6 Munnoonye Mukama, kale munaabanga balamu; aleme okubuubuuka ng'omuliro mu nnyumba ya Yusufu, ne gwokya so nga tewali wa kuguzikiza mu Beseri:
- 7 mmwe abafuula omusango okuba obusinsu, ne musuula wansi obutuukirivu;
- 8 munnoonye oyo akola kakaaga n'entungalugoye, era afuula ekisiikirize eky'okufa okuba enkya, era asiikiriza omusana n'ekiro; ayita amazzi ag'omu nnyanja n'agafuka ku maaso g'olukalu; Mukama lye linnya lye;
- 9 aleeta okuzikirira ku w'amaanyi nga tamanyiridde, okuzikirira ne kutuuka ku kigo.
- 10 Bakyawa oyo anenya mu mulyango, era batamwa oyo ayogera ebilogokofu.
- 11 Kale kubanga mulinnyirira omwavu, ne mumukamula eaano: mwazimba ennyumba ez'amayinja amateme, naye temulizituulamu; mwasimba ensuku z'emizabbibu ezisanyusa, naye temulinywa mwenge gwamu.
- 12 Kubanga mmanyi ebyonoono byammwe bwe byenkana obungi n'ebibi byammwe bwe byenkana amaanyi mmwe ababonyaabonya omutuukirivu, abalya enguzi, era abagob- era abo abeetaaga mu mulyango.
- 13 Omukabakaba kyaliva asirika mu biro ebifaanana bwe bityo; kubanga bye biro ebibi.
- 14 Munnoonye obulungi so si bubu, mulyoke mubeerenga abalamu: kale Mukama Katonda ow'eggye anaabanga nammwe nga bwe mwogera.
- 15 Mukyawenga obubi, mwagalenga obulungi, munywezenga eby'ensonga mu mulyango: mpozzi Mukama Katonda ow'eggye alikwatirwa ekisa ekitundu kya Yusufu ekifisseewo.
- 16 Mukama Katonda ow'eggye, Mukama kyava ayogera bw'ati nti Ebiwoobe biriba mu nguudo zonna engazi era balyogerera mu makubo gonna nti Woowe, woowe! kale baliyita omulimi okukuba ebiwoobe, n'abo abalina amagezi okukungubaga okukuba ebiwoobe.
- 17 Awo mu nsuku zonna ez'emizabbibu mulibaamu ebiwoobe: kubanga ndiyita mu ggwe wakati, bw'ayogera Mukama.

- 18 Zibasanze mmwe abeegomba olunaku lwa Mukama! mwagalira ki olunaku lwa Mukama? kizikiza so si musana.
- 19 Kwenkana omusajja ng'adduka empologoma, n'asisinkana eddubu n'esisinkana naye: oba ng'ayingira mu nnyumba ne yeekwata ku kisenge omukono gwe omusota ne gumuluma.
- 20 Olunaku lwa Mukama teruliba kizikiza so si musana? ekizikiza zigizigi so nga temuli katangaala?
- 21 Nkyawa, nnyooma embaga zammwe, so sirisanyukira kukuaana kwammwe okutukuvu.
- 22 Weewaawo, newakubadde nga muwaayo gye ndi ebiweebwayo byammwe ebyokebwa n'ebiweebwayo byammwe eby'obutta, siribikkiriza: so sirissaayo mwoyo eri ebiweebwayo olw'emirembe eby'ensolo zammwe eza ssava.
- 23 Nziyaako oluyoogaano olw'ennyimba zo; kubanga siwulire nnanga zo bwe zikubibwa obulungi.
- 24 Naye omusango gukulukute ng'amazzi, n'obutuukirivu ng'omugga ogw'amaanyi.
- 25 Mwandeeteranga ssaddaaka n'ebiweebwayo mu ddungu emyaka amakumi ana, ai ennyumba ya Isiraeri?
- 26 Weewaawo, mwasitulanga Sikusi kabaka wammwe ne Kiyuni, ebifaananyi byammwe, emmunyeenye ya katonda wammwe, bye mwekolera.
- 27 Kyendiva mbatwaza mu busibe okuyita e Ddamasiko, bw'ayogera Mukama, erinnya lye Katonda ow'eggye.

Essuula 6

- 1 Zibasanze abo abeegolodde mu Sayuuni n'abo abataliiko kye batya ku lusozi lw'e Samaliya, abasajja ab'amaanyi ab'omu ggwanga erisinga amawanga obukulu, abajjirwa ennyumba ya Isiraeri!
- 2 Muyite mugende e Kalune mulabe; muveeyo mugende e Kamasi ekikulu: mulyoke muserengete e Gaasi eky'Abafirisuuti: bisinga obwakabaka buno bwombi obulungi? oba ensalo yaabwe ekira ensalo yammwe obugazi?
- 3 Mmwe abateeka ewala olunaku olubi ne musembeza kumpi entebe ey'ekyejo;
- 4 abagalamira ku bitanda eby'amasanga ne beegolorera ku biriri byabwe, ne balya abaana b'endiga ab'omu kisibo, n'ennyana nga baziggya mu kisibo;
- 5 abayimbira ennyimba ezitaliimu ku ddoobozi ery'ennanga; abeegunjira ebintu ebivuga nga Dawudi;
- 6 abanywera omwenge mu bibya, ne basaaba amafuta agasinga obulungi; naye tebanakuwalidde kubonyaabonyezebwa kwa Yusufu.
- 7 Kale kyebaliva bagenda mu busibe wamu n'abo abaasooka okugenda mu busibe, n'ebinyumu by'abo abeegolola birivaawo.
- 8 Mukama Katonda yeerayidde yekka, bw'ayogera Mukama Katonda ow'eggye, nti Nkyawa obulungi bwa Yakobo, ne ntamwa amayumba ge: kyendiva mpaayo ekibuga ne byonna ebikirimu.
- 9 Awo olulituuka abantu kkumi bwe balisigala mu nnyumba emu balifa.
- 10 Era omuntu bw'anaasitulibwa kojjaawe, oyo amwokya, okuggya amagumba mu nnyumba, n'agamba oyo ali mu njuyi ez'ennyumba ez'omunda nti Wakyaliwo ali naawe? naye n'addamu nti Nedda; kale n'alyoka ayogera nti Sirika; kubanga tetuyinza kwatula linnya lya Mukama.
- 11 Kubanga, laba, Mukama alagidde, n'ennyumba ennene eriwagulwamu ebituli n'ennyumba entono eribaamu enjatika.
- 12 Embalaasi ziriddukira mbiro ku lwazi? omuntu alirimira okwo n'ente? mmwe

okufuula ne mufuula omusango okuba omususa n'ebibala eby'obutuukirivu okuba abusinso:

- 13 mmwe abasanyukira ekintu ekitaliiko kye kigasa, aboogera nti Tetwefunidde mayembe olw'amaanyi gaffe ffe?
- 14 Kubanga, laba, ndibayimusizaako eggwanga, ai ennyumba ya Isiraeri, bw'ayogera Mukama Katonda ow'eggye; era balibabonyaabonya okuva awayingirirwa e Kamasi okutuuka ku kagga aka Alaba.

Essuula 7

- 1 Bw'atyo Mukama Katonda bwe yandaga: era, laba, yabumba enzige ebimererezi nga bitanudde okumera; era, laba, byali bimererezi okukungula kwa kabaka nga kuwedde.
- 2 Awo olwatuuka bwe zaamala okulya omuddo ogw'omu nsi ne ndyoka njogera nti Ai Mukama Katonda, sonyiwa, nkwegayiridde: Yakobo anaayimirira atya? kubanga mutono.
- 3 Mukama ne yejjusa olw'ekyo: Tekiribaawo, bw'ayogera Mukama.
- 4 Bw'atyo Mukama Katonda bwe yandaga: kale, laba, Mukama Katonda n'ayita abantu okuwakana n'omuliro; ne gwokya obuziba obunene, era gwandimazeewo n'olukalu.
- 5 Awo ne ndyoka njogera nti Ai Mukama Katonda, lekayo, nkwegayiridde: Yakobo anaayinza atya okuyimirira? kubanga mutono.
- 6 Awo Mukama ne yejjusa ekyo: Era n'ekyo tekiribaawo, bw'ayogera Mukama Katonda.
- 7 Bw'atyo bwe yandaga: kale, laba, Mukama n'ayimirira ku mabbali g'ekisenge ekyazimbibwa n'omugwa ogugera, era ng'akutte omugwa ogugera mu mukono gwe.
- 8 Awo Mukama n'aamba ntii, olaba ki? Ne amba nti Omugwa ogugera. Awo Mukama n'ayogera nti Laba, nditeeka omugwa ogugera wakati w'abantu bange Isiraeri; siribayitako nate lwa kubiri:
- 9 n'ebifo ebigulumivu ebya Isaaka birirekebawo, n'ebifo ebitukuvu ebya Isiraeri birizisibwa; era ndigolokokera ku nnyumba ya Yerobowaamu n'ekitala.
- 10 Awo Amaziya kabona ow'e Beseri n'atumira Yerobowaamu kabaka wa Isiraeri ng'ayogera ntii akwekobedde wakati mu nnyumba ya Isiraeri: ensi teyinza kugumiikiriza bigambo bye byonna.
- 11 Kubangai bw'ayogera bw'ati nti Yerobowaamu alifa n'ekitala, era Isiraeri talirema kutwalibwa nga musibe okuva mu nsi ye.
- 12 Era Amaziya n'agambai nti Ggwe omulabi, genda weddukire mu nsi ya Yuda, oliire eyo emmere, olagulire eyo:
- 13 naye tolagulanga nate lwa kubiri e Beseri: kubanga kye kifo ekitukuvu ekya kabaka, era ye nnyumba ya kabaka.
- 14 Awoi n'alyoka addamu n'agamba Amaziya nti Nnali siri nnabbi, so saali mwana wa nnabbi; naye nnali musumba era musalizi w'emisukomooli:
- 15 Mukama n'anziya ku mulimu ogw'okugoberera ekisibo, Mukama n'aamba nti Genda olagule abantu bange Isiraeri.
- 16 Kale nno wulira ekigambo kya Mukama: Oyogera nti Tolagulanga ku Isiraeri, so totonnyesanga ku nnyumba ya Isaaka;
- 17 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Mukazi wo aliba mwenzi mu kibuga, ne batabani bo ne bawala bo baligwa n'ekitala, n'ensi yo erigabibwa n'omugwa; naawe kennyini olifira mu nsi eteri nnongoofu, era Isiraeri talirema kutwalibwa nga musibe okuva mu nsi ye.

Essuula 8

- 1 Bw' atyo Mukama Katonda bwe yandaga: era, laba, ekibbo eky' ebibala eby' omu kyeya.
- 2 N' ayogera ntii, olaba ki? Ne njogera nti Ndaba ekibbo eky' ebibala eby' omu kyeya. Awo Mukama n' alyoka aamba nti Enkomerero etuuse ku bantu bange Isiraeri; siribay-itako nate lwa kubiri.
- 3 Awo ennyimba ez' omu yeekaalu ziriba kuwowoggana ku lunaku olwo, bw' ayogera Mukama Katonda: emirambo giriba mingi; baligisuula mu buli kifo nga basirise.
- 4 Muwulire kino, ai mmwe abaagala okuliira ddala eyeetaaga n' okumalawo abaavu ab' omu nsi, nga mwogera nti
- 5 Omwezi ogwakaboneka guliggwaako ddi, tulyoke tutunde eaano? ne ssabbiiti, tusumulule eaano? nga mutoniwaza efa, era nga munenewaza sekeri, era nga mulyazaamaanya ne minzaani ez' obulimba;
- 6 tugule abaavu n' effeeza, n' abeetaaga n' omugogo gw' engatto, era tutunde ebisasiro by' eaano.
- 7 Mukama alayidde obulungi bwa Yakobo nti Mazima seerabirenga bicolwa byabwe na kimu ennaku zonna.
- 8 Ensi terikankanira ekyo, buli muntu n' awuubaala abeera omwo? weewaawo, eritumbi-irira ddala wamu nga Omugga; era eritabanguka n' ekka nate nga Omugga ogw' e Misiri.
- 9 Awo olulituuka ku lunaku olwo, bw' ayogera Mukama Katonda, ndigwisa enjuba mu ttuntu, era ndireeta ekizikiza ku nsi obudde nga butangaala.
- 10 Era ndifuula embaga zammwe okuba okuwuubaala, n' ennyimba zammwe zonna okuba okukungubaga; era ndireeta ebibukutu ku biwato byonna, n' ebiwalaata ku buli mutwe; era ndirufuula ng' okukungubagira omwana eyazaalibwa omu, n' enkomerero yaalwo ng' olunaku olubalagala.
- 11 Laba, ennaku zijja, bw' ayogera Mukama Katonda, lwe ndiweereza enjala mu nsi, eteri njala ya mmere newakubadde ennyonta ey' amazzi, naye enjala ey' okuwulira ebigambo bya Mukama.
- 12 Awo balibulubuuta okuva ku nnyanja okutuuka ku nnyanja endala, n' okuva obukiika obwa kkono okutuuka ebuwanjuba; baliddukana mbiro eruuyi n' eruuyi okunoonya ekigambo kya Mukama, so tebalikiraba.
- 13 Ku lunaku olwo abawala abalungi n' abalenzi balizirika olw' ennyonta.
- 14 Abalayira ekibi kya Samaliya ne boogera nti Nga Katonda wo, ai Ddaani, bw' ali omulamu; era nti Ng' ekkubo lya Beeruseba bwe liri eddamu; abo baligwa so tebaliy-imuka nate.

Essuula 9

- 1 Nalaba Mukama ng' ayimiridde ku mabbali g' ekyoto: n' ayogera nti Kuba emitwe, emiryango gikankane: era bamenyeemenye ku mitwe gy' abo bonna; era nditta n' ekitala ow' enkomerero ku bo: tewaliba ku bo alidduka, so tewaliba ku bo aliwona n' omu.
- 2 Newakubadde nga basima okutuuka mu magombe, omukono gwange gulibaggyayo; era newakubadde nga balinnya okutuuka mu ggulu, ndibassa okubaggyayo.
- 3 Era newakubadde nga beekwekera ku ntikko ya Kalumeeri, ndikenneenya ne mbaggyayo; era newakubadde nga bakwekeddwa amaaso gange mu buziba bw' ennyanja wansi, ndiragirira eyo omusota ne gubaluma.
- 4 Era newakubadde nga bagenda mu busibe mu maaso g' abalabe baabwe, ndiragirira

eyo ekitala ne kibatta: era nditeeka amaaso gange ku bo olw'okuleeta obubi so si bulungi.

- 5** Kubanga Mukama, Katonda ow'eggye, ye wuuyo akoma ku nsi n'esaanuuka, na bonna abagibeeramu baliwuubaala; era eritumbiirira ddala wamu nga Omugga; era erikka nate nga Omugga ogw'e Misiri;
- 6** ye wuuyo azimba amayu ge mu ggulu, era eyateekawo ebbanga lye ku ttaka; ayita amazzi ag'omu nnyanja n'agafuka ku maaso g'olunalu; Mukama lye linnya lye.
- 7** Mmwe temuli ng'abaana b'Abaesiyopya gye ndi, ai abaana ba Isiraeri? bw'ayogera Mukama. Saggya Isiraeri mu nsi y'e Misiri ne mbalinyisa, ne nziya Abafirisuuti e Kafutoli, n'Abasuuli e Kiri?
- 8** Laba, amaaso ga Mukama Katonda gali ku bwakabaka obulina ebibi, era ndibuzikiriza okuva ku maaso g'ettaka; kyokka sirizikiririza ddala nnyumba ya Yakobo, bw'ayogera Mukama.
- 9** Kubanga, laba, ndiragira era ndiwewera ennyumba ya Isiraeri mu mawanga gonna, ng'eaano bw'ewewerwa mu lugali, naye tewaliba na kaweke na kamu akaligwa ku ttaka.
- 10** Abalina ebibi bonna ab'omu bantu bange balifa n'ekitala aboogera nti Obubi tebulitu-tuukako so tebulitukulemba.
- 11** Ku lunaku olwo ndisimba eweema ya Dawudi eyagwa, ne nziba ebituli byayo; era ndisimba ebibye ebyagwa, era ndigizimba nga mu nnaku ez'edda;
- 12** balyoke balye ekitundu kya Edomu ekifisseewo, n'amawanga gonna agatumibwa erinnya lyange, bw'ayogera Mukama akola kino.
- 13** Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, akabala lw'alituuka ku oyo akungula, n'oyo asamba ezabbibu lw'alituuka ku oyo asiga ensigo; n'ensozi ziritonnya omwenge omuwoomerevu, n'obusozi bwonna bulisaanuuka.
- 14** Era ndikomyawo obusibe bw'abantu bange Isiraeri, kale balizimba ebibuga ebyalekeb-wawo, ne babituulamu; era balisimba ensuku ez'emizabbibu, ne banywa omwenge gwamu; era balirima ennimiro, ne balya ebibala byamu.
- 15** Era ndibasimba ku nsi yaabwe, so tebalisimbulwa nate mu nsi gye mbawadde, bw'ayogera Mukama Katonda wo.

Obadiya

Essuula 1

- 1 Okwolesebwa kwa Obadiya. Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda ku Edomu; nti Tuwulidde ebigambo ebiva eri Mukama n'omubaka atumiddwa eri amawanga nti Muyimuke, tuyimuke ku nsi ye tulwane naye.
- 2 Laba, nkufudde omuto mu mawanga; onyoomebwa nnyo ggwe.
- 3 Amalala ag'omu mutima gwo gakukyamizza, ggwe azimba mu biwuku eby'omu lwazi, ggwe atuula waggulu; ayogera mu mutima gwe nti Ani alinzisa wansi?
- 4 Newakubadde ng'olinnya mu ggulu ng'empungu era ekisu kyo nga kiteekebwa wakati mu munneenye, ndikussa wansi ove eyo; bw'ayogera Mukama.
- 5 Oba ababbi bajja gy'oli, oba abanyazi ekiro (so nga ozikirira!) tebandibbye bya kuba-mala? oba abanozi b'ezabbibu bajja gy'oli, tebandirese zabbibu ezeerebwawo?
- 6 Ebya Esawu nga binoonyezebwa, ebikwekebwa ye nga bivumbuka!
- 7 Abantu bonna abaalagaana gy'oli bakuwerekedde okutuuka ku nsalo; abantu abaali balina emirembe naawe bakukyamizza era bakulemye; abaalya emmere yo batega omutege wansi wo; so temuli kutegeera mu ye.
- 8 Ku lunaku luli sigenda kuzikiriza abagezigezi bave mu Edomu n'okutegeera kuve mu lusozi lwa Esawu? bw'ayogera Mukama.
- 9 Era abazira bo; ggwe Temani, balyekanga buli muntu alyoke aggibwe mu lusozi lwa Esawu era attibwe.
- 10 Kubanga wagirira amaanyi muganda wo Yakobo, ensonyi zirikumwata era oliggibwawo emirembe gyonna.
- 11 Ku lunaku lwe wayimirira ku mabbali, ku lunaku abayise lwe baanyaga ebintu bye n'abagenyi lwe baayingira mu nzigi ze eza wankaaki ne bakuba akalulu ku Yerusalemi, naawe n'ofaanana ng'omu ku abo.
- 12 Naye totunuulira lunaku lwa muganda wo ku lunaku olw'okugwirwako akabi, so tosanyuka olw'abaana ba Yuda ku lunaku olw'okuzikirira kwabwe; so teweeukuza n'akamwa ko ku lunaku olw'akabi.
- 13 Toyingiranga mu luggi olwa wankaaki olw'abantu bange ku lunaku mwe balirabira ennaku; so naawe totunuuliranga kabi kaabwe ku lunaku mwe balirabira ennaku so temukomanga ku bintu byabwe ku lunaku mwe balirabira ennaku.
- 14 So toyimiranga mu masanzira okuzikiriza abantu be abawona; so towangayo bantu be abasigalawo ku lunaku olw'akabi.
- 15 Kubanga olunaku lwa Mukama lusemberedde amawanga gonna: nga bwe wakola bwe kityo bwe kirikumwata ggwe; by'okola biridda ku mutwe gwo.
- 16 Kubanga bwe mwanyweranga ku lusozi lwange olutukuvu, bwe kityo amawanga gonna bwe ganaanywanga ennaku zonna; weewaawo, ganaanywanga ganaamiranga galiba ng'agatabangawo.
- 17 Naye ku lusozi Sayuuni kulibaako abawona, era luliba lutukuvu; n'ennyumba ya Yakobo eriba n'ebintu byabwe.
- 18 Era ennyumba ya Yakobo eriba muliro n'ennyumba ya Yusufu eriba lulimi olw'omuliro n'ennyumba ya Esawu nsambu, nabo balyaka gye bali, balibazikiriza; so tewaliba muntu wa mu nnyumba ya Esawu alisigalawo; kubanga Mukama ye akyogedde.
- 19 N'olusozi lwa Esawu lulifuuka lw'abo ab'obukiika obwa ddyo; ensi y'Abafirisuuti eriba y'abo ab'ensenyi; era bo balirya ennimiro ya Efulayimu, n'ennimiro ey'e Samaliya: era Gireyaadi eriba ya Benyamini.
- 20 N'abo ab'eggye lino ery'abaana ba Isiraeri abafugibwa obuddu abali mu Bakanani,

baliba n'ensi okutuuka ku Zalefaasi; n'abo ab'omu Yersaalemi abafugibwa obuddu abali mu Sefalaadi baliba n'ebibuga eby'obukiika obwa ddyo.

- 21** Era abalokozi balirinya ku lusozi Sayuuni basalire olusozi lwa Esawu omusango; n'obwakabaka buliba bwa Mukama.

Yona

Essuula 1

- 1 Awo ekigambo kya Mukama kyajja eri Yona, omwana wa Amittayi, nga kyogera nti
- 2 Golokoka, ogende e Nineeve ekibuga ekyo ekinene okirangirire; kubanga obubi bwabwe bulinnye butuuse mu maaso gange.
- 3 Naye Yona n'agolokoka okuddukira e Talusiisi okuva mu maaso ga Mukama; n'aserengeta e Yopa n'alaba ekyombo nga kigenda e Talusiisi; awo n'abawa empooza yaakyo n'asaabala omwo agende nabo e Talusiisi ave mu maaso ga Mukama.
- 4 Naye Mukama n'asindika empewo ennyingi ku nnyanja, omuyaga omungi ne guba ku nnyanja ekyombo ne kyagala okumenyeka.
- 5 N'abo abaavuga ne batya ne bakaabirira buli muntu katonda we; ne basuula mu nnyanja ebintu ebyali mu kyombo bakiwewule. Naye Yona yali ng'asse mu kisenge eky'omu kyombo, ng'agalamidde, yeebase otulo.
- 6 Awo omugoba w'ekyombo n'ajja gy'ali n'amugamba nti Obadde otya, ggwe omwebasi? golokoka, osabe Katonda wo, era mpozzi Katonda anaatujjukira tuleme okuzikirira.
- 7 Ne boogera buli muntu ne muganda we nti Jjangu tukube akalulu tulyoke tutegeere gwe tulangibwa akabi kano okutubaako. Awo ne bakuba akalulu, akalulu ne kagwa ku Yona.
- 8 Awo ne bamugamba nti Kale tubuulire gwe tulangibwa akabi kano okutubaako; omulimu gwo mulimu ki? ova wa? ensi yammwe nsi ki? ekika kyammwe kika ki?
- 9 N'abagamba nti Ndi Mwebbulaniya; ntya Mukama, Katonda ow'omu ggulu eyakola ennyanja n'olukalu.
- 10 Awo abantu ne batya nnyo ne bamugamba nti Kino kiki ky'okoze ggwe? Kubanga abantu baamanya nti adduse mu maaso ga Mukama, kubanga yali ng'ababuulidde.
- 11 Awo ne bamugamba nti Tunaakukola tutya ennyanja etuteekere? kubanga ennyanja yali ng'egenda yeeyongera okufuukuuka ennyo.
- 12 N'abagamba nti Munsitule munsuule mu nnyanja; kale ennyanja eneebateekera; kubanga mmanyi nti omuyaga guno omungi gubakutte okubalanga nze.
- 13 Naye abantu ne bavuga nnyo okuddayo okugoba ettale; naye ne batayinza; kubanga ennyanja yagenda yeeyongera bweyongezi okufuukuuka okubaziyiza.
- 14 Kyebaava bakaabirira Mukama ne boogera nti Tukwegayiridde, ai Mukama, tukwegayiridde tuleme okuzikirira ku lw'obulamu obw'omuntu ono; so totussaako musaayi ogutaliiko musango; kubanga ggwe, ai Mukama, ggwe okoze ky'oyagala.
- 15 Awo ne basitula Yona ne bamusuula mu nnyanja; awo omuyaga ogwali ku nnyanja ne gufa.
- 16 Awo abantu ne batya nnyo Mukama; ne bawaayo ssaddaaka eri Mukama ne beeyama obweyamo.
- 17 Mukama n'ateekateeka ekyennyanya ekinene kimire Yona; Yona n'amala mu lubuto olw'ekyennyanya ennakn ssatu emisana n'ekiro.

Essuula 2

- 1 Awo Yona n'asaba Mukama Katonda we mu lubuto olw'ekyennyanya.
- 2 N'ayogera nti Nakaabirira Mukama kubanga nalaba ennaku, N'anziramu; Mu lubuto lw'emagombe nakoowoola; N'owulira eddoboosi lyange.
- 3 Kubanga wansuula mu buziba, mu mutima ogw'ennyanya, Amataba ne gannee-tooloola; Amayengo go gonna n'amasingiisira go gaayita waggulu ku nze.

- 4 Ne njogera nti Ngobeddwa mu maaso go; Naye naatunuulira nate yeekaalu yo entukuvu.
- 5 Amazzi gansaanikira, era okutuuka ku bulamu; Obuziba bwanneetooloola; Endago zambikka ku mutwe gwange.
- 6 Ne nzika ensozi we zisibuka; Ensi n'ebisiba byayo ne binzigalira emirembe gyonna; Naye oggyemu obulamu bwange mu bunnya, ai Mukama, Katonda wange.
- 7 Emmeeme yange bwe yazirika mu nze, ne njjukira Mukama; N'okusaba kwange ne kutuuka gy'oli, mu yeekaalu yo entukuvu.
- 8 Abo abassaayo omwoyo ku by'obulimba ebitaliimu balekayo okusaasirwa kwabwe.
- 9 Naye nze naakuwa ssaddaaka yange n'eddoboozi ery'okwebaza; Naasasula obweyamo bwange. Obulokozi buva eri Mukama.
- 10 Awo Mukama n'alagira ekyennyanya ne kisesema Yona ku lukalu.

Essuula 3

- 1 Awo ekigambo kya Mukama ne kijja eri Yona omulundi ogw'okubiri, nga kyogera nti
- 2 Golokoka, ogende e Nineeve, ekibuga ekyo ekinene, okibuulirire okubuulira kwe nkugamba.
- 3 Awo Yona n'agolokoka n'agenda e Nineeve nga Mukama bwe yamugamba. Era Nineeve kyali kibuga kinene nnyo nnyini olugendo lwa nnaku ssatu okukibunya.
- 4 Yona n'asooka okuyingira mu kibuga n'atambula olugendo lwa lunaku lumu n'ayogera era waggulu n'agamba nti Ennaku amakumi ana bwe ziriyitawo, Nineeve kirizikirira.
- 5 Abantu ab'omu Nineeve ne bakkiriza Katonda ne balangirira okusiiba ne bambala ebibukutu, bonna okuva ku mukulu okutuuka ku muto.
- 6 Ebigambo ne bituuka ku kabaka ow'e Nineeve, n'agolokoka ku ntebe n'ayambulamu ekyambalo kye ne yebikkako ebibukutu n'atuula mu vvu.
- 7 N'alangirira n'abuulira okubunya Nineeve olw'etteeka lya kabaka n'abakungu be, n'agamba nti Omuntu n'ensolo, eggana n'ekisibo, bireme okulega ku kintu; bireme okulyako n'okunywa amazzi;
- 8 naye babikkibwe ebibukutu, omuntu era n'ensolo, bakaabirire nnyo nnyini Katonda; era bikyuke, buli kintu mu kkubo lyakyo ebbi ne mu kyejo ekiri mu mikono gyabyo.
- 9 Ani amanyi nga Katonda alikyuka alyejjusa, n'akyuka okuleka obusungu bwe obukambwe tuleme okuzikirira?
- 10 Katonda n'alaba emirimu gyabwe nga bakyuse mu kkubo lyabwe ebbi; Katonda ne yejjusa obubi bwe yali ayogedde okubakola; n'atabubakola.

Essuula 4

- 1 Naye Yona n'atasiima n'akatono n'anyiikaala.
- 2 N'asaba Mukama n'ayogera nti Nkusaba, ai Mukama, saayogera bwe ntyo nga nkyali mu nsi y'ewaffe. Kyennava nnyanguwa okuddukira e Talusiisi; kubanga nategeera nti oli Katonda mulungi ajjudde okusaasira alwawo okusunguwala, alina ekisa ekingi, era ataleeta bubi.
- 3 Kale nno, ai Mukama, nkwegayiridde, onziyeke obulamu bwange; kubanga waakiri nfe okusinga okuba omulamu.
- 4 Mukama n'ayogera nti Ggwe okoze bulungi okusunguwala?
- 5 Awo Yona n'afuluma mu kibuga n'atuula ku luuyi olw'ekibuga olwolekedde ebuwanjuba n'asiisira eyo ekisiisira n'atuula omwo mu kisiikirize kyakyo okutuusa lw'aliraba ekibuga bwe kiriba.
- 6 Mukama Katonda n'ategeka ekiryo n'akimeza awali Yona kimusiikirize ku mutwe

gwe, kimuwonye ennaku ze yali alabye. Awo Yona n'asanyuka nnyo olw'ekiry.

- 7 Naye Katonda n'ategeka ekiwuka obudde bwe bwakya enkya, ne kiruma ekiry ne kiwotoka.
- 8 Awo olwatuuka enjuba bwe yavaayo, Katonda n'ategeka embuyaga ez'obuvanjuba ez'olubugumu, omusana ne gwokya Yona mu mutwe gwe, n'azirika n'asaba afe, n'ayogera nti Waakiri nfe okusinga okuba omulamu.
- 9 Katonda n'agamba Yona nti Ggwe okoze bulungi okusunguwala ku lw'ekiry? N'ayogera nti Nkoze bulungi okusunguwala okutuusa lwe ndifa.
- 10 Mukama n'ayogera nti Osaasidde ekiry kyotaakolera mulimu so ky'otaameza; ekyamerera ekiro ekimu, ne kibulira ekiro ekimu;
- 11 nange sandisaasidde Nineeve, ekibuga ekyo ekinene; omuli abantu akasiriivu mu obukumi obubiri n'okusukkirirawo abatayinza kwawula mukono gwabwe ogwa ddyo n'omukono gwabwe ogwa kkono; era n'ensolo ennyingi?

Mikka

Essuula 1

- 1 Ekigambo kya Mukama ekyaja eri Mikka, Omumolasuuti, mu mirembe gya Yosamu, Akazi, ne Keezeekiya, bassekabaka ba Yuda, kye yalaba ku Samaliya ne ku Yerusaalemi.
- 2 Muwulire, mmwe ab'amawanga mwenna; tega amatu go, ggwe ensi, n'ebyo byonna ebirimu; Mukama Katonda abe mujulirwa eri mmwe, Mukama ng'ayima mu yeekaalu ye entukuvu.
- 3 Kubanga, laba, Mukama ava mu kifo kye, alikka alitambulira ku bifo ebigulumivu eby'ensi.
- 4 N'ensozi zirisaanuuka wansi we n'enkonko ziryatika ng'ebisenge by'enjuki mu maaso g'omuliro, ng'amazzi agayiikira awali ebbanga.
- 5 Olw'okwonoona kwa Yakobo ebyo byonna biribaawo n'olw'ebibi eby'ennyumba ya Isiraeri. Okwonoona okwa Yakobo kiki? si Samaliya? ebifo ebigulumivu ebya Yuda kiki? si Yerusaalemi?
- 6 Kale ndifuula Samaliya ng'ekifunvu mu ttale; ng'ebizabbibu ebisimbe; nange ndisuula amayinja gaakyo mu lukonko, era ndyerula emisingi gyakyo.
- 7 Ebifaananyi byakyo byonna birisekulwasekulwa n'empeera zaakyo zonna ziryokebwa omuliro, nange ndizikiriza ebifaananyi byakyo byonna; kubanga yazikuaanya nga ziva mu mpeera ey'omukazi omwenzi, era ziridda eri empeera ey'omwenzi.
- 8 Kyendiva mpowoggana, ndikuba ebiwoobe, nditambula nga nnyambudde engoye zange era nga ndi bwereere; ndikaaba ng'ebibe, ndijoonajoono nga bamaaya.
- 9 Kubanga ebiwundu bye tebiwonyezeka; kubanga kituuse ne ku Yuda; kituuse ku luggi olwa wankaaki olw'abantu bange, era ku Yerusaalemi.
- 10 Temukibuulira mu Gaasi, temukaaba amaziga n'akatono: ku Besuleyafula nneekuluku-unyizza mu nfuufu.
- 11 Muyite muveeyo, ggwe abeera mu Safiri, ng'oli bwereere, era ng'okwatibwa ensonyi; oyo abeera mu Zanani tavuddeemu; ebiwoobe bya Beswezeeri birikuggyako ekikondo kyakyo.
- 12 Kubanga oyo abeera mu Malosi yeeraliikirira ng'alindirira ebirungi; kubanga akabi kasse, kavudde eri Mukama ku luggi olwa wankaaki olwa Yerusaalemi.
- 13 Siba eggaali ku mbalaasi esinga embiro, ggwe abeera mu Lakisi: oyo ebibi kwe bya-sookera eri omuwala wa Sayuuni; kubanga ebyonoono bya Isiraeri byalabika mu ggwe.
- 14 Kyoliva owa ekirabo Molesesu-gaasi, eky'okusiibula; ennyumba za Akuzibu ziriba eky'obulimba eri bassekabaka ba Isiraeri.
- 15 Nkyagenda okuleeta gy'oli, ggwe abeera mu Malesa, oyo aliba nnannyini ggwe; ekitiibwa kya Isiraeri kirituuka era ku Adulamu.
- 16 Weemwe osalire enviiri abaana abakusanyusa; gaziya ekiwalaata kyo ng'empungu; kubanga bakuggiddwako bagenze mu kusibibwa.

Essuula 2

- 1 Ziribasanga abo abateesa obutali butuukirivu, era abakolera obubi ku biriri byabwe! obudde bwe bukva, babukola, kubanga buli mu buyinza bw'emikono gyabwe.
- 2 N'abo abeegomba ebyalo ne babinyaga; era ennyumba, ne bazitwala; era bajooga omusajja n'ennyumba ye, era omuntu n'obusika bwe.
- 3 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Laba, nteesa akabi ku kika kino, ke mutaliggyamu

bulago bwammwe, so temulitambuza malala; kubanga bino bye biro ebibi.

- 4 Ku lunaku luli balibagerera olugero, era balikuba ebiwoobe ebirimu obuyinike obungi, era balyogera nti Tunyagiddwa ddala; awaanyisa omugabo ogw'abantu bange; ng'akinziyako! agabira abajeemu ebyalo byaffe.
- 5 Kyoliva olema okubeera n'omuntu alisuula omugwa, akalulu bwe kamugwako, mu kkuaaniro lya Mukama.
- 6 Temulagulanga, bwe batyo bwe balagula. Tebaliragulira abo; ebivume tebiriggibwawo;
- 7 kiryogerwa, ggwe ennyumba ya Yakobo, nti Omwoyo gwa Mukama gufunze? bino bye bikolwa bye? Ebigambo byange tebiwoomera oyo atambula n'obugolokofu?
- 8 Naye mu nnaku zino abantu bange bayimuse ng'abalabe; muggyako essuuka ku ngoye z'abo abayita nga tebaliiko kye batya, ng'abantu abatayagala kulwana.
- 9 Abakazi ab'abantu bange mubagoba mu nnyumba zaabwe ezibasanyusa; ku baana baabwe abato mubaggyako ekitiibwa kyange emirembe gyonna.
- 10 Muyimuke, mugende; kubanga wano si kiwummulo kyammwe; olw'empitambi ezikiriza, era n'okuzikiriza okutenkanika.
- 11 Omuntu atambula n'omwoyo ogw'okulimba, bw'alimba ng'ayogera nti Ndikulagulira eby'omwenge n'ebitamiiza, ye aliba omulaguzi ow'abantu bano.
- 12 Sirirema kukuaanya ab'ewammwe bonna, ggwe Yakobo; sirirema kuleeta aba Isiraeri abalisigalawo; ndibateeka awamu ng'endiga eza Bozula; ng'ekisibo ekiri wakati w'eddundiro lyazo, baliyoogaana nnyo kubanga abantu bangi.
- 13 Oyo awagula ayambuse mu maaso gaabwe; bawagudde bayise batuuse ku luggi olwa wankaaki, era bafulumidde omwo; era kabaka waabwe ayise mu maaso gaabwe, Mukama abakulembedde.

Essuula 3

- 1 Ne njogera nti Muwulire, mbeegayiridde, mmwe abakulu ba Yakobo, nammwe abafuga ennyumba ya Isiraeri; si kwammwe okumanya omusango?
- 2 abakyawa ebirungi, era abaagala ebibi; ababaggyako eddiba lyabwe n'omubiri gwabwe ku magumba gaabwe;
- 3 era abalya omubiri gw'abantu bange; ne bababaagako eddiba lyabwe n'amagumba gaabwe bagamenya; weewaawo, babatiimatiima ng'ebigenda mu kibya, era ng'ennyama ey'omu ntamu.
- 4 Mu biro ebyo banaakaabiriranga Mukama, so tebaddengamu; weewaawo, anaabakwekanga amaaso ge mu kiseera ekyo, nga bwe baakola obubi mu bikolwa byabwe.
- 5 Bw'ati bw'ayogera Mukama ku bannabbi abakyamyamba abantu bange; abaluma n'amanryo gaabwe, era bayogerera waggulu nti Mirembe; na buli agaana okuwa mu bumwa bwabwe, n'okukuma bamukumira olutalo; nti
- 6 Kyekiriva kibeera ekiro gye muli, muleme okwolesebwa; era ekizikiza kiriba gye muli, muleme okulagula; era enjuba erigwira bannabbi, era obudde buliddugala ku bo.
- 7 N'abalabi balikwatibwa ensonyi, n'abalaguzi baliswala; weewaawo, bonna balibikka ku mimwa gyabwe; kubanga tewali kuddamu kwa Katonda.
- 8 Naye mazima nze njijudde amaanyi olw'omwoyo gwa Mukama, n'omusango n'obuzira, mbuulire Yakobo okwonoona kwe era mbuulire Isiraeri ebibi bye:
- 9 Muwulire kino, mbeegayirira, mmwe abakulu b'ennyumba ya Yakobo, nammwe abafuga ennyumba ya Isiraeri, abatamwa omusango, era abalya ensonga zonna.
- 10 Bazimba Sayuuni n'omusaayi, era Yerusalemi bakizimba n'obukyamu.
- 11 Abakulu baakyo basala omusango, baweewe empeera, ne bakabona baakyo bayigiriza bafune ebintu, ne bannabbi baakyo balagula baweewe effeeza; naye bo

balyesigama ku Mukama nga boogera nti Mukama tali wakati waffe? akabi tekalitutuukako.

- 12** Sayuuni kyeruliva lulimibwa ng'omutala ku bwammwe, ne Yerusaalemi kirifuuka ekifunvu, n'olusozi olw'ennyumba ng'ebifo ebigulumivu eby'omu kibira.

Essuula 4

- 1** Naye mu nnaku ez'oluvannyuma olulituuka olusozi olw'ennyumba ya Mukama luliba lunywevu ku ntikko y'ensozi era luliyimusibwa okusinga obusozi; era amawanga galikulukutiramu.
- 2** Era amawanga mangi agaligenda, ne googera nti Mujje twambuke eri olusozi lwa Mukama, n'eri ennyumba ya Katonda wa Yakobo; naye alituyigiriza eby'enguudo ze, naffe tulitambulira mu makubo ge; kubanga mu Sayuuni mwe muliva amateeka n'ekigambo kya Mukama mu Yerusaalemi.
- 3** Naye alisalira omusango amawanga mangi, era alinenya amawanga ag'amaanyi agali ewala; era baliweesa ebitala byabwe okuba enkumbi n'amafumu gaabwe okuba ebibwabyo; eggwanga teririyimusa ekitala ku ggwanga, so tebaayigenga kulwana nate.
- 4** Naye balituula buli muntu mu muzabbibu gwe ne mu mutiini gwe; so tewalibaawo abakanga; kubanga akamwa ka Mukama w'eggye ke kakyogedde.
- 5** Kubanga amawanga gonna ganaatambuliranga buli muntu mu linnya lya katonda we, naffe tunaatambuliranga mu linnya lya Mukama Katonda waffe emirembe n'emirembe.
- 6** Ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama, ndikuaanya omukazi awenyera, era ndireeta oyo agobebwa n'oyo gwe nnalabisa ennaku;
- 7** era ndifuula oyo eyawenyera ekitundu ekyasigalawo n'oyo eyasuulibwa ewala ndimufula eggwanga ery'amaanyi; era Mukama anaabafugiranga ku lusozi Sayuuni, okusooka kaakano era n'emirembe gyonna,
- 8** Era naawe, ggwe ekigo eky'ekisibo, akasozi ak'omuwala wa Sayuuni, kulituuka gy'oli; weewaawo; okufuga okw'edda kulidda, obwakabaka obw'omuwala wa Yerusaalemi.
- 9** Lwaki nno okukaaba ennyo? tewali kabaka gy'oli, omuteesa wo abula? obubalagaze ne bukukwata nga omukazi alumwa okuzaala.
- 10** Lumibwa, sindika, ggwe omuwala wa Sayuuni, nga omukazi alumwa okuzaala; kubanga kaakano oliva mu kibuga, olisiisira ku ttale, era olituuka e Babulooni; eyo gy'orokokera; eyo Mukama gy'alinnunulira mu mukono gw'abalabe bo.
- 11** Ne kaakano amawanga magi agakuaana okulwana naawe, googera nti Ayonooneke, era amaaso affe gatunuulire ebyo bye gaagala ga bituuse ku Sayuuni.
- 12** Naye tebamanyi birowoozo bya Mukama; so tebategeera kuteesa kwe; kubanga bakuaanyizza ng'ebinywa by'ettaano ku gguuliro lye.
- 13** Yimuka, owuule, ggwe omuwala wa Sayuuni; kubanga ndifuula ejjembe lyo ekyuma, era ndifuula ebinuulo byo ebikomo; naawe olimenyaameya amawanga mangi; era oliwonga amagoba gaabwe eri Mukama, n'ebintu byabwe eri Mukama w'ensi zonna.

Essuula 5

- 1** Kaakano oneekuaanya bibiina bibiina, ggwe omuwala w'ebibiina; atuzingizizza ffe; balikuba iluyi omulamuzi wa Isiraeri n'onuggo.
- 2** Naye ggwe Besirekemu Efulasa, ggwe omuto okuba mu nkumi za Yuda, mu ggwe mwe muliva gye ndi aliba omufuzi mu Isiraeri; okutambulatambula kwe kwa dda na dda, emirembe nga teginnabaawo.

- 3 Kyaliva abawaayo okutuusa ku biro alumwa okuzaala lw'alizaala: kale baganda be abasigalawo balikomawo eri abaana ba Isiraeri.
- 4 Naye aliyimirira aliriisa ekisibo kye mu maanyi ga Mukama, mu bukulu obw'erinnya lya Mukama Katonda we; era balibeerera awo; kubanga mu nnaku ezo anaabanga mukulu okutuusa ku nkomerero z'ensi.
- 5 Era omuntu oyo aliba mirembe gyaffe; Omwasuli bw'aliyingira mu nsi y'ewaff'e, bw'alitanbula mu mayumba gaffe, kale tulimuyimusizaako abasumba musanvu, n'abantu munaana ab'ekitiibwa.
- 6 Nabo balyonoona ensi ya Asuli n'ekitala era ensi ya Nimuloodi baligyonoona bwe baliba nga bayingiramu; naye alitulokola eri Omwasuli bw'alituuka mu nsi y'ewaffe era bw'alitambula mu nsalo z'ewaffe.
- 7 Era ekitundu kya Yakobo ekirisigalawo kiriba wakati mu bantu abangi ng'omusulo oguva eri Mukama, ng'empandaggirize ku muddo; ezitalindirira muntu so n'abaana b'abantu tebazirwisaawo.
- 8 Era aba Yakobo abalisigalawo baliba mu mawanga, wakati w'abantu abangi, ng'empologoma mu nsolo ez'omu kibira, ng'empologoma ento mu bisibo by'endiga; bw'eyitamu, erinnyirira era etaagulataagula so tewali mulokozi.
- 9 Omukono gwo guyimuke ku balabe bo; n'abakukyawa bonna bazikirire.
- 10 Era kiriba ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama, ndikuggyamu wakati embalaasi zo; era ndizikiriza amagaali go;
- 11 era ndizikiriza ebibuga eby'omu nsi y'ewammwe, ndisuula wansi ebigo byo byonna;
- 12 era ndiggyamu obulogo mu mukono gwo; so toliba na baganga nate;
- 13 era ndikuggyamu wakati ebifaananyi byo ebyole n'empagi zo; so tolisinza nate emirimu egy'engalo zo.
- 14 Era ndisimbula Baasera bo wakati wo; era ndizikiriza ebibuga byo.
- 15 Era ndiwalana eggwanga n'obusungu n'ekiryi ku mawanga agatawulira.

Essuula 6

- 1 Kale muwulire ebyo Mukama by'ayogera; nti Yimuka, yomba mu maaso g'ensozi; obusozi buwulire eddoozi lyo.
- 2 Muwulire, mmwe ensozi, ennyombo za Mukama, era mmwe emisingi egy'ensi egy'oluberera: kubanga Mukama alina ennyombo n'abantu be, aliwoza ne Isiraeri.
- 3 Mmwe abantu bange, mbakoze ki? nali mbakooyezza naki? munnumirize.
- 4 Kubanga nakuggya mu nsi y'e Misiri ne nkununula mu nnyumba ey'obuddu; ne nkukulembeza Musa ne Aloonni ne Miryamu.
- 5 Mmwe abantu bange, mujjukire nno Balaki kabaka wa Mowaabu bye yateesa, era Balamu omwana wa Byoli bye yamuddamu; mujjukire ebyabaawo okuva e Sittimu okutuuka e Girugaali, mulyoke mumanye ebikolwa eby'obutuukirivu ebya Mukama.
- 6 Najja naki eri Mukama ne nvuunama mu maaso ga Katonda asinga byonna? mmusemberere n'ebiweebwayo ebyokebwa, n'ennyana ezaakamaze omwaka gumu?
- 7 Mukama alisiima endiga eza seddume enkumi oba emigga egy'amafuta obukumi? mpeeyo omwana wange omuberebeye olw'okwonoona kwange, mpeeyo ekibala ky'omubiri gwange olw'ekibi eky'omu mmeeme yange?
- 8 Akubuulidde, ggwe omuntu, ekirungi bwe kiri; era Mukama akusalira kiki, wabula okukola eby'ensonga, era okwagala ekisa, era okutambula n'obuwombeefu ne Katonda wo?
- 9 Eddoozi lya Mukama lyogerera waggulu eri ekibuga, n'ow'amagezi aliraba erinnya lyo; muwulire omuggo, n'oyo bw'ali agulagidde.
- 10 Ebintu eby'omuwendo eby'obubi bikyali mu nnyumba y'omubi, n'ekigera ekitatuuka

eky'omuzizo?

- 11 Ndiba mulongoofu bwe mba ne minzaani ey'obubi n'ensawo erimu ebipima eby'obulimba?
- 12 Kubanga abagagga baakyo bajjudde ekyejo, n'abo ababeera mu kyo boogedde eby'obulimba, n'olulimi lwabwe lwa bulimba mu kamwa kaabwe:
- 13 Nange kyenvudde nkufumita ekiwundu ekinene; nkuzisizza olw'ebibi byo.
- 14 Olirya, so tolikkuta; era okutoowazibwa kwo kuliba wakati wo; era olijjulula, naye tolitwala mireembe; era ky'otwala ndikiwaayo eri ekitala.
- 15 Olisiga, naye tolikungula; olirinnyirira zeyituuni, naye tolisaaba mafuta; era olisogola, naye tolinywa ku mwenge.
- 16 Kubanga ebyalagirwa Omuli bikuumibwa, era ebikolwa byonna eby'omu nnyumba ya Akabu; nammwe mutambulira mu kuteesa kwabwe; ndyoke nkufnule ekifulukwa, n'abo ababeera mu kyo eky'okuduulirwa; nammwe mulitwala ebivume by'abantu bange.

Essuula 7

- 1 Zinsanze! kubanga nfaanana nga lwe bamala okulonda emmere yonna ennungi, ng'ezabbibu ezeerebwa mu lusuku; tewakyali kirimba eky'okulya; emmeeme yange yeegomba ettiini esooka okwengera.
- 2 Omwegendereza abuze mu nsi, so tewali mugolokofu mu bantu: bonna bateega okuyiwa omusaayi, bayigga buli muntu muganda we n'ekitimba.
- 3 Engalo zaabwe zikwata ku by'obubi okunyiikira okubikola; omulangira asaba, omulamuzi ayagala okuweebwa empeera; n'omukulu ayogera ekibi ekibeera mu mmeeme ye: bwe batyo bwe babirukira awamu.
- 4 Oyo ku abo asinga obulungi afaanana ng'omweramannyo, omugolokofu ku abo asinga obubi olukomera lw'amaggwa: olunaku olw'abakuumi bo, lwe lw'okulabwako, lutuuse: kaakano we wanaaba okweraliikirira kwabwe.
- 5 Temwesiga wa mukwano, temulowoozanga mukulembeze nga mwesigwa; kuuma enzigi z'akamwa ko eri oyo agalamira mu kifuba kyo.
- 6 Kubanga omwana tassaamu kitiibwa kitaawe, omuwala akikinalira ku nnyina, muka mwana ku nnyazaala we; ab'omu nju be baba abalabe b'omuntu.
- 7 Naye ku bwange naatunuuliranga Mukama; naalindiriranga Katonda ow'obulokozi bwange; Katonda wange anampuliranga.
- 8 Tonsanyukirako, omulabe wange; bwe ngwa, naayimuka; bwe ntuula mu kizikiza, Mukama anaaba musana gye ndi.
- 9 Naagumiikirizanga obusungu bwa Mukama kubanga mmujeemedde; okutuusa lw'aliwoza ensonga yange, era lw'alinsalira omusango: alindeeta eri omusana, era ndiraba ku butuukirivu bwe.
- 10 Kale omulabe wange alikiraba, alikwatibwa ensonyi; eyaamba nti Mukama Katonda wo ali ludda wa? Amaaso gange galimulabako; kaakano alirinnyirirwa ng'ebitosi eby'omu nguudo.
- 11 Olunaku olw'okuzimba ebisenge byo! ku lunaku luli ekiragiro kiritwalibwa ewala.
- 12 Ku lunaku luli baliva mu Bwasuli ne mu bibuga bya Misiri balituuka gy'oli, era baliva mu Misiri okutuuka ne ku Mugga, n'okuva ku nnyanja okutuuka ku nnyanja, n'okuva ku lusozi okutuuka ku lusozi.
- 13 Naye ensi eriba kifulukwa, ku lw'abo ababeera omwo, olw'ebibala eby'ebikolwa byabwe.
- 14 Liisa abantu bo n'omuggo gwo, ekisibo eky'obutaka bwo, ababeera bokka, mu kibira wakati wa Kalumeeri: baliire mu Basani ne mu Gireyaadi nga mu nnaku ez'edda.

- 15 Nga bwe nnakola mu nnaku bwe wava mu nsi ya Misiri, ndimwolesa eby'ekitalo.
- 16 Amawanga galiraba, galikwatirwa ensonyi amaanyi gaabwe gonna; baliteeka engalo zaabwe ku kamwa kaabwe, amatu gaabwe galiziba.
- 17 Balikomba ku nfuufu ng'omusota; ng'ebyekulula eby'ensi baliva nga bakankana mu bwekwekero bwabwe: balijja eri Mukama Katonda waffe nga batekemuka era balitya ku lulwo.
- 18 Ani Katonda nga ggwe asonyiwa obubi, ayita ku kwonoona okw'abasigalawo ab'obutaka bwe? talemere mu busungu bwe emirembe gyonna kubanga asanyukira okusaasira.
- 19 Alikyuka alitusaasira; alisamba okwonoona kwaffe n'ekigere; era olisuula ebibi byabwe byonna mu buziba bw'ennyanja.
- 20 Olikolera Yakobo amazima, olikolera Ibulayimu ekisa, bye walayirira bajjajjaffe okuva mu nnaku ez'edda.

Nakumu

Essuula 1

- 1 Omugugu gwa Nineeve. Ekitabokya'okwolesebwa kwa Nakumu, Omwerukoosi.
- 2 Mukama ye Katonda w'obugya, era awalana eggwanga; Mukama awalana eggwanga, era ow'obusungu obungi; Mukama awalana eggwanga abamukyawa, era aterekera abalabe be obusungu.
- 3 Mukama tatera kusunguwala, alina amaanyi mangi, so talitaatira n'akatono. Ekkubo lya Mukama liyita mu kikuunta ne mu kibuyaga, era ebire ze nfuufu z'ebigere bye.
- 4 Akangavvula ennyanja n'agikaza; era akaza emigga gyonna; Basani ebabuse ne Kalumeeri, era ekimuli eky'oku Lebanoni kibabuse.
- 5 Ensozi zikankana gy'ali, obusozi ne busaanuuka; era ettaka ne limmuka mu maaso ge; weewaawo, ensi zonna ne bonna abazibeeramu.
- 6 Mu maaso g'obusungu bwe ani ayinza okuyimirira? ani ayinza okubeerawo obusungu bwe nga bunyiikidde? obukambwe bwe bufukibwa ng'omuliro, n'enjazi zimenyebwa-menyebwa ye.
- 7 Mukama mulungi, kigo ku lunaku olw'okulabiramu ennaku; era amanyi abo abamwesiga.
- 8 Naye ne mukoka akulukuta alimalirawo ddala ekifo kyakyo, era abalabe be alibagobera mu kizikiza.
- 9 Kye muteesa ku Mukama kiki? alimalirawo ddala; obunaku tebulyimuka omulundi ogw'okubiri.
- 10 Kubanga newakubadde nga bali ng'amaggwa agakwataganye, era nga batobye okwenkana mu kunywa kwabwe, balyokerwa ddala ng'ensambu enkalu.
- 11 Mu ggwe muwde omu alowooza akabi ku Mukama, ateesa ebibi.
- 12 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Newakubadde nga balina amaanyi amakakafu era bangi, era balizikirira, naye alivaawo. Newakubadde nga nakulabisa ennaku, sikyakulabisanga nnaku.
- 13 Era kaakano naamenya ekikoligo kye kive ku ggwe, era naakutulakutula ebikusiba.
- 14 Ne Mukama alagidde ku ggwe baleme okweyongerwa okusiga ku linnya lyo; ndizikiriza ekifaananyi ekyole n'ekifaananyi ekisaanuuse bive mu nnyumba ya bakatonda bo; ndisima entaana yo; kubanga oli mugwagwa.
- 15 Laba, ku nsozi ebigere by'oyo abulirira ebigambo ebirungi, alangira emirembe! Weekuuma embaga zo, ggwe Yuda, tuukiriza obweyamo bwo; kubanga omubi takyayitanga wakati wo; azikirira ddala.

Essuula 2

- 1 Oyo atandaggira ayambuse mu maaso go; kuuma ekigo, tunuulira ekkubo, nyweza ekiwato kyo, beera n'amaanyi agatasingika.
- 2 Kubanga Mukama azzaawo ekitiibwa ekingi ekya Yakobo, ng'ekitiibwa ekingi ekya Isiraeri; kubanga abattuluzi babattuludde ne baaya amatabi g'emizabbibu gyabwe.
- 3 Engazo z'abazira be zisiigibwako gerenge; abantu ab'amaanyi bambadde engoye entwakaavu; ebyuma by'amagaali bimasamasa ku lunaku lw'ateekateeka, era amafumu gagalulwa n'entiisa.
- 4 Amagaali gatayira mu nguudo mbiro, ganyigana mu nguudo engazi; gafaanana ng'emimuli, gabuukabuuka ng'emyansa.
- 5 Ajjukira ab'ekitiibwa ababe; beesittala nga bagenda; banguwa okutuuka ku bbugwe ow'ekigo, ogugabo ne guteekebwatekebwa.

- 6 Enzigi ez'oku migga zigguddwawo, ennyumba ya kabaka ne bagisaanyaawo.
- 7 Kuzzabu n'avumbuka, n'atwalibwa, abazaana be ne bakaaba nga n'eddooboozi ly'amayiba nga bakuba mu bifuba byabwe.
- 8 Naye Nineeve kibaddewo okuva mu nnaku ez'edda ng'ekidiba ky'amazzi; naye bad-duka; Muyimirire, muyimirire, bwe bakoowoola; naye tewali atunuulira ennyuma.
- 9 Munyage effeeza, munyage ezaabu; ebiterkebwa tebiriiko we bikoma, omuwendo ogw'ebintu byonna ebyegombebwa.
- 10 Kiri busa, kiri bwereere, kizise: tewali aguma omwoyo, amaviivi gakubagana, okulumizibwa kuli mu biwato byonna, era abantu bonna batukulatukula mu maaso olw'entisa.
- 11 Empuku y'empologoma eri ludda wa, n'eddiro ly'empologoma ento, empologoma ensajja n'enduusi we zaatambuliranga, omwana gw'empologoma, so tewali azitiisa?
- 12 Empologoma yataagulataagula eky'okumala abaana baayo, n'etugira empologoma zaayo enduusi, n'ejjuza empuku zaayo omuyiggo n'ebisulo byayo ebitaagulwa.
- 13 Laba, ndi mulabe wo, bw'ayogera Mukama w'eggye; nange ndyokya amagaali gaakyo mu mukka, n'ekitala kirizikiriza empologoma zaakyo ento; era ndiggya ku nsi ky'otaagula, n'eddooboozi ly'ababaka bo teriwwulirwenga nate.

Essuula 3

- 1 Zikisanze ekibuga eky'omusaayi! kyonna kijjudde eby'obulimba n'eby'amaanyi; ekitaagulwataagulwa tekivaamu.
- 2 Okuvuuma kw'olukoba n'okuvuuma kwa bannamuziga abayiringita; n'embalaasi nga zinyirira n'amagaali nga gabuukabuuka;
- 3 n'abo abeebagala nga balinnya n'okumasamasa kw'ekitala n'okumyansa kw'amafumu; era abafu bangi n'emirambo entuumo nnene; so n'emirambo tegiriiko we gikoma; beesittala ku mirambo gyabwe.
- 4 Kubanga okwenda kw'omwenzi omulungi kungi nnyo nnyini, omukulu w'obulogo, atunda amawanga n'eby'obwenzi bye, era enda n'obulogo bwe.
- 5 Laba, ndi mulabe wo bw'ayogera Mukama w'eggye; nange ndibikkula ebirenge byo ku maaso go; nange ndirabisa amawanga obwereere bwo, n'obwakabaka ndibulabisa ensonyi zo.
- 6 Era ndikusuulira ebyenyinyalwa, era ndikuggyako ekitiibwa, era ndikussaawo okuba ekyerolerwa.
- 7 Awo olulituuka bonna abalikutunuulira balikudduka ne boogera nti Nineeve kyoonese; ani anaakikubira ebiwoobe? ndinoonyeza wa abo abalikukubagiza?
- 8 Osinga Nowamoni obulungi, ekyakubibwa awali emigga, ekyalina amazzi amangi enjuyi zonna; era olukomera lwakyo nnyanja: n'ennyanja yabeera bbugwe waakyo?
- 9 Obuwesiyopya ne Misiri maanyi gaakyo so tegasingika; aba Puti n'Abalubi be baali ababeezi bo.
- 10 Naye kyatwalibwa, kyagenda mu buddu; n'abaana baakyo abato baatandaggirwa ku masaanzira g'enguudo zonna n'ab'ekitiibwa baabakubirako akalulu, n'abakulu be bonna baasibibwa mu njegere.
- 11 Era naawe olitamiira, olikwekebwa; era naawe olinoonya ekigo ku lw'abalabe.
- 12 Ebigo byo byonna biriba nga mitiini egibaako ettiini ezisooka okwengera: bwe zikunkumuka, zigwa mu kamwa k'omuli.
- 13 Laba, abantu bo wakati wo bakazi; enzigi eza wankaaki ez'ensi yo ziggulirwa ddala eri abalabe bo; omuliro ne gulya emikiikiro gyo.
- 14 Weesenere amazzi olw'okuzingizibwa, nyweza ebigo byo, linnya ku ttaka, samba ebbumba, nyweza ekyokero ky'amatoffaali.

- 15 Omuliro gulikwokera eyo; ekitala kirikuzikiriza, kirikulya nga kalusejjera; weeyaze nga kalusejjera, weeyaze ng'enzige.
- 16 Wayaza abasuubuzi bo okusinga emmunyeenye ez'omu ggulu obungi; kalusejjera koonoona ne kabuuka ne kagenda.
- 17 Ababo abatikkiddwa engule baali ng'enzige; abagabe bo ng'ebifuko by'amyanzi agabeera mu bisagazi ku lunaku lw'empewo, naye enjuba bw'evaayo zidduka, n'ekifo we zibeera tekimanyibwa.
- 18 Abasumba bo babongoota, ggwe kabaka w'e Bwasuli; abakulu bo ab'ekitiibwa bawummula; abantu bo basaasaanira ku nsozi, so tewali wa kubakuaanya.
- 19 Tewali kya kukkakkanya bulumi bwo; ekiwundu kyo kinene; bonna abawulira ebigambo byo bakukubira mu ngalo; kubanga muntu ki obubi bwo gwe butatuukako ennaku zonna?

Kaabakuuku

Essuula 1

- 1 Omugugu Kaabakuuku nnabbi gwe yalaba.
- 2 Ai Mukama, ndituusa wa okukaaba, naawe nga tokkiriza kuwulira? Nkukaabirira olw'ebye'ekyejo so tokkiriza kulokola.
- 3 Onjoleseza ki obutali butuukirivu n'otunuulira obukyamu? kubanga okunyaga n'ekyejo biri mu maaso gange: era waliwo empaka, n'okuyomba kubaawo.
- 4 Amateeka kye gavudde gaddirira, so n'omusango tegufulumanga n'akatono; kubanga omubi azingizza omutuukirivu omusango kyeguva gufuluma nga gunyooledwa.
- 5 Mulabe mu mawanga, musseeyo omwoyo, mwewuunye nnyo nnyini: kubanga nkolera omulimu mu nnaku zammwe, gwe mutalikkiriza newakubadde nga mugubuuliddwa.
- 6 Kubanga, laba, ngolokosa Abakaludaaya, eggwanga eryo ekkakali eryanguyiriza; abasimba ennyiriri okutambula okubunya ensi bwe yenkana obugazi, okulya ennyumba ezitali zaabwe.
- 7 Ba ntiisa, ba kitiibwa: omusango gwabwe n'obukulu bwabwe biva eri bo bennyini.
- 8 Era embalaasi zaabwe zikira engo embiro, era nkambwe okusinga emisege egy'ekiro; n'abasajja baabwe abeebagala embalaasi bagoma: weewaawo, abasajja baabwe abeebagala embalaasi bava wala; babuuka ng'empungu eyanguwa okulya.
- 9 Bajja lwa kyejo bonna; bavulumula amaaso gaabwe ng'embuyaga ez'ebuvanjuba; era bakuaanya abasibe ng'omusenyu.
- 10 Weewaawo, asekerera bakabaka, n'abakungu baba ba kuduulirwa gy'ali: aduulira buli kigo; kubanga atuuma enfuufu n'akimenya.
- 11 Awo aliyita ng'awulukuka ng'embuyaga, era alisukkirira n'azza omusango: ye amaanyi ge gabeera katonda we.
- 12 Ggwe toli wa mirembe n'emirembe, ai Mukama Katonda wange, Omutukuvu wange? tetulifa. Ai Mukama, wamuteekerawo musango; naawe, ai Olwazi, wamunywereza kubuulirira.
- 13 Ggwe alina amaaso agayinze obulongoofu obutatunuulira bubu, so toyinza kulaba bukyamu, lwaki ggwe okutunuulira abo abakuusakuusa, n'osirika omubi bw'aliira ddala omuntu amusinga obutuukirivu;
- 14 n'ofuula abantu ng'ebynnyanja era ng'ebintu ebyewalula ebitaliiko abifuga?
- 15 Abakwata bonna n'eddo, abatega mu muya gwe, era abakuaanyiza mu kiragala kye: kyava asanyuka n'ajaguza.
- 16 Kyava awaayo ssaddaaka eri omuya gwe, n'ayotereza ekiragala kye obubaane; kubanga olw'ebyo omugabo gwe kyeguva guba ogwa ssava, emmere ye n'eba nnyingi.
- 17 Kale kyaliva afuka omuya gwe, n'atalekaayo kutta amawanga olutata?

Essuula 2

- 1 Ndiyimirira we nkumira ne nneeteeka ku kigo, ne nnengera okulaba by'anaayogera nange, era bye mba nziramu eby'okwemulugunya kwange.
- 2 Awo Mukama n'anziramu n'ayogera nti Wandika okwolesebwa okwo, okwole bulungi ku bipande, akusoma adduke mbiro.
- 3 Kubanga okwolesebwa okwo kukyali kwa ntuuko zaakwo ezaalagirwa, era kwanguwa okutuusa enkomerero, so tekulirimba: newakubadde nga kulwawo, kulindirirenga; kubanga tekulirema kujja, tekulirwawo.
- 4 Laba, emmeeme ye yeegulumizizza, si ngolokofu mu ye: naye omutuukirivu aliba

mulamu lwa kukkiriza kwe.

- 5 Weewaawo, era omwenge mulyazaamaanyi, musajja wa malala, era atatuula waka; agaziya okwegomba kwe ng'amagombe, era ali ng'okufa, so tayinza kukkuta, naye n'akuaanyiza gy'ali amawanga gonna, ne yeetuumira ebika byonna.
- 6 Abo bonna tebalimugererako lugero ne bamukokkolerako ekikokko ne boogera nti Zimusanze oyo ayaza ebyo ebitali bibye! alituusa wa? era eyeebinika emisingo!
- 7 Tebaliyimuka nga tomanyiridde abo abalikuluma, tebalizuukuka abalikweraliikiriza, naawe n'oba munyago gye bali?
- 8 Kubanga wanyaga amawanga mangi, ekitundu kyonna ekifisseewo ku mawanga balikunyaga; olw'omusaayi gw'abantu n'olw'ekyejo ekyagirirwa ensi n'ekibuga ne bonna abakibeeramu.
- 9 Zimusanze oyo afunira ennyumba ye amagoba amabi, azimbe ekisu kye waggulu, awonyezebwe mu mukono gw'obubi!
- 10 Oteeserezza ennyumba yo ensonyi, ng'omalawo amawanga mangi, era wasobya emmeeme yo ggwe.
- 11 Kubanga ejjinja liryogerera waggulu nga liyima mu kisenge, n'omuti guliriddamu nga guyima mu misekese.
- 12 Zimusanze oyo azimba ekibuga n'omusaayi, n'anyweza ekibuga n'obutali butuukirivu!
- 13 Laba, tekyava eri Mukama w'eggye abantu okutengejjera omuliro, n'amawanga okweyooyeseza obutaliimu?
- 14 Kubanga ensi erijjula okumanya ekitiibwa kya Mukama, ng'amazzi bwe gasaanikira ku nnyanja.
- 15 Zimusanze oyo awa munne ebyokunywa, n'oyongerako n'obutwa bwo, n'okutamiiza n'omutamiiza olyoke otunuulire ensonyi zaabwe!
- 16 Ojjudde ensonyi awaabanga ekitiibwa: naawe nywa, obeere ng'atali mukomole: ekikompe eky'omu mukono gwa Mukama ogwa ddyo kirikyusibwa eri ggwe, n'ensonyi ez'obuwemu ziriba ku kitiibwa kyo.
- 17 Kubanga ekyeje ekyagirirwa Lebanooni kirikubikkako, n'okuzikirira kw'ensolo ezaabatiisanga; olw'omusaayi gw'abantu n'olw'ekyeje ekyagirirwa ensi n'ekibuga ne bonna abakituulamu.
- 18 Ekifaananyi ekyole kigasa ki, omukozi waakyo n'okwola n'akyola; ekifaananyi ekisaanuuse n'omuyigiriza w'eby'obulimba bigasa ki, omukozi w'omulimu gwe n'okwesiga n'akyesiga, okukola essanamu ensiru!
- 19 Zimusanze oyo agamba omuti nti Zuukuka; agamba ejjinja essiru nti Golokoka! Kino kinaayigiriza? Laba, kibikkiddwako zaabu ne ffeeza, so tewali mukka n'akamu kokka wakati mu kyo.
- 20 Naye Mukama ali mu yeekaalu ye entukuvu: ensi zonna zibunire mu maaso ge.

Essuula 3

- 1 Okusaba kwa Kaabakuuku nnabbi, okw'Ekisigiyonosi.
- 2 Ai Mukama, mpulidde ebigambo byo, n'entya: Ai Mukama, zuukiza omulimu gwo wakati mu myaka, Gumanyise wakati mu myaka; Awali obusungu, jjukira okusaasira.
- 3 Katonda yajja ng'ava ku Temani, Era Omutukuvu yajja ng'ava ku lusozi Palani (Seera) Ekitiibwa kye kyabikka ku ggulu, Ensi n'ejjula ettendo lye.
- 4 N'okumasamasa kwe kwali ng'omusana; Yalina amayembe nga gava mu mukono gwe: Era omwo mwe mwali okukweka amaanyi ge.
- 5 Kawumpuli yatambula okumukulemba, Obusaale obw'omuliro ne bufuluma awali ebigerere bye.

- 6 Yayimirira n'agera ensi; Yatunula n'agoba amawanga n'agasalamu: Ensozi ez'olubeerera ne zisaasaana, Obusozi obutaggwaawo ne bukutama; Okutambula kwe kwali nga bwe kwabanga obw'edda.
- 7 Nalaba eweema za Kusani nga zirabye ennaku: Amagigi ag'ensi ya Midiyaani ne gakankana.
- 8 Mukama yanyiigira emigga? Obusungu bwo bwali ku migga, Oba ekiruyi kyo ku nnyanja, N'okwebagala ne weebagala embalaasi zo, N'olinnya ku magaali go ag'obulokozi?
- 9 Omutege gwo gwasowolerwa ddala; Ebirayiro bye walayirira ebika byali kigambo kya nkalakkalira. (Seera) Ensi wagyasaamu n'emigga:
- 10 Ensozi zaakulaba ne zitya; Amataba ag'amazzi ne gayitawo: Ennyanja yaleeta eddoozi lyayo, N'eyimusa emikono gyayo waggulu.
- 11 Enjuba n'omwezi ne biyimirira mu kifo kyabyo mwe bibeera; Olw'okutangaala kw'obusaale bwo nga butambula, Olw'okwakaayakana kw'effumu lyo erimasamasa.
- 12 Watambula okuyita mu nsi ng'oliko ekiruyi, N'owuula amawanga ng'oliko obusungu.
- 13 Wafuluma okuleetera abantu bo obulokozi, Okuleetera obulokozi oyo gwe wafukako amafuta; Wafumita omutwe ogw'omu nnyumba y'omubi, Ng'oyerula omusingi okutuuka ne ku nsingo. (Seera)
- 14 Wafumita n'emiguma gye ye omutwe gw'abalwanyani be: Bajja ng'embuyaga ez'akazimu okunsaasaanya: Okusanyuka kwabwe kulya mwavu kyama:
- 15 Walinnya ennyanja n'embalaasi zo, Entuumu ey'amazzi ag'amaanyi.
- 16 Nawulira, olubuto lwange ne lukankana, Emimwa gyange ne gijugumirira eddoozi eryo; Okuvunda ne kuyingira mu magumba gange, ne nkankanira mu kifo kyange: Mpummulire ku lunaku olw'okulabiramu ennaku, Bwe zirisanga abantu abamutabaala ebibiina.
- 17 Kubanga omutiini newakubadde nga tegwanya, So n'emizabbibu nga tegiriiko bibala; Ne bwe bateganira omuzeyituuni obwereere, Ennimiyo ne zitaleeta mmere yonna; Embuzi nga zimaliddwawo ku kisibo, So nga tewali nte mu biraalo:
- 18 Era naye ndisanyukira Mukama, Ndijaguliza Katonda ow'obulokozi bwange.
- 19 Yakuwa, Mukama, ge maanyi gange, Naye afuula ebigere byange okuba ng'eby'empeewo, Era alintambuliza ku bifo byange ebigulumivu. Ya Mukulu w'Abayimbi, ku bivuga byange ebirina enkoba.

Zeffaniya

Essuula 1

- 1 Ekgambo kya Mukama ekyajjira Zeffaniya mutabani wa Kuusi, mutabani wa Gedaliya, mutabani wa Amaliya, mutabani wa Kezeekiya, mu mirembe gya Yosiya mutabani wa Amoni, kabaka wa Yuda.
- 2 Ndizikiririza ddala byonna okuva ku maaso g'ensi, bw'ayogera Mukama.
- 3 Ndimalawo omuntu n'ensolo; ndizikiriza ennyonyi ez'omu bbanga n'ebyennyanja ebiri mu nnyanja, n'enkonge wamu n'ababi: era ndimalawo abantu okuva ku maaso g'ensi, bw'ayogera Mukama.
- 4 Era ndigololera ku Yuda omukono gwange ne ku abo bonna abali mu Yerusaalemi; era ndimalawo ekitundu kya Baali ekifissewo okuva mu kifo kino, n'erinnya lya Bakemali wamu ne bakabona;
- 5 n'abo abasinziza eggye ery'omu ggulu ku nnyumba waggulu; n'abo abasinza, abalayirira Mukama nga balayira Malukamu;
- 6 n'abo abazze ennyuma obutagoberera Mukama; n'abo abatanoonyanga Mukama newakubadde okumubuuza.
- 7 Bunira awali Mukama Katonda: kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi: kubanga Mukama ategese ssaddaaka, atukuzizza abagenyi be.
- 8 Awo olulituuka ku lunaku Mukama kw'aliweerayo ssaddaaka ndibonereza abakungu n'abaana ba kabaka n'abo bonna abambadde ebyambalo ebinnaggwanga.
- 9 Awo ku lunaku olwo ndibonereza abo bonna ababuuka ku mulyango, abajjuza ennyumba ya mukama waabwe ekyejo n'obulimba.
- 10 Awo ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama, walibaawo eddoozi ery'okuleekaana eriva ku mulyango ogw'ebyennyanja, n'okuwogwana okuva mu luuyi olw'okubiri, n'okubwatuuka okunene okuva ku nsozi.
- 11 Muwogwana, mmwe abali mu Makutesi, kubanga abantu bonna aba Kanani zibasanze: n'abo abeebinikanga ffeeza bazikiridde.
- 12 Awo olulituuka mu biro ebyo nditaganjula Yerusaalemi n'ettabaaza; era ndibonereza abasajja abatesengezze ebbonda lyabwe, aboogera mu mutima gwabwe nti Mukama talikola bulungi so talikola bubi.
- 13 N'obugagga bwabwe bulifuuka munyago, n'ennyumba zaabwe matongo; weewaawo, balizimba ennyumba naye tebalizituulamu; era balisimba ensuku ez'emizabbibu naye tebalinywa mwenge gwamu.
- 14 Olunaku olukulu olwa Mukama luli kumpi, luli kumpi era lwanguwa mangu nnyo, eddoozi ery'olunaku lwa Mukama; omusajja ow'amaanyi alikaabira eyo ng'aliko obuyinike bungi.
- 15 Olunaku olwo lunaku lwa busungu, lunaku lwa buyinike n'okulaba ennaku, lunaku lwa kuzikirako n'okulekebawo, lunaku lwa kizikiza n'ekikome, lunaku lwa bire n'ekizikiza ekikutte,
- 16 lunaku lwa kkondeere n'okulawa, eri ebibuga ebiriko enkomera n'eri ebigo ebigulumivu.
- 17 Era ndireeta obuyinike ku bantu, batambule ng'abazibe b'amaaso, kubanga bayonoonye Mukama: n'omusaayi gwabwe gulifukibwa ng'enfuufu, n'omubiri gwabwe ng'obusa.
- 18 Efeeza yaabwe teriyinza kubawonyeza ku lunaku olw'obusungu bwa Mukama newakubadde ezaabu yaabwe; naye ensi yonna omuliro ogw'obugya bwe gulyokya: kubanga alimalawo, weewaawo, alimalirawo ddala n'entiisa abo bonna abali mu nsi.

Essuula 2

- 1 Mukuaane, weewaawo, mukuaane, ai eggwanga eritalina kukwatibwa nsonyi;
- 2 etteeka nga terinnaba kuzaala, olunaku nga terunnayita ng'ebisusunku, ekiruyi kya Mukama nga tekinnabatuukako, olunaku olw'obusungu bwa Mukama, nga terunnabatuukako.
- 3 Munoonye Mukama, mmwe mwenna abawombeefu ab'omu nsi, abakola emisango gye; munoonye obutuukirivu, munoonye obuwombeefu: mpozzi mulikwekebwa ku lunaku olw'obusungu bwa Mukama.
- 4 Kubanga Gaza kirirekebwawo, ne Asukulooni kiriba matongo: Asudodi balikigoba mu ttuntu, ne Ekuloni kirisimbulibwa.
- 5 Zibasanze abo abali ku lubalama lw'ennyanja, amawanga ag'Abakeresi! Ekigambo kya Mukama kiboolekedde, ai Kanani, ensi ey'Abafirisuuti; ndikuzikiriza so tewaliba atuula omwo.
- 6 N'olubalama lw'ennyanja luliba malundiro, nga mulimu ensiisira ez'abasumba n'ebis-ibo eby'embuzi.
- 7 Era olubalama lw'ennyanja luliba lwa kitundu ky'ennyumba ya Yuda ekifisseewo; banaalundiranga eyo: mu nnyumba za Asukulooni mwe banaagalamiranga akawungeezi; kubanga Mukama Katonda waabwe alibajjira n'akomyawo obusibe bwabwe.
- 8 Mpulidde okuvuma kwa Mowaabu n'okuyomba kw'abaana ba Amoni kwe bavumye abantu bange ne beegulumiriza ku nsalo yaabwe.
- 9 Kale, nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama w'eggye, Katonda wa Isiraeri, mazima Mowaabu aliba nga Sodomu, n'abaana ba Amoni nga Ggomola, ekifo emyennyango kye gyemala, n'obunnya obw'omunnya, n'amatongo agatalivaawo: abantu bange abaliba basigaddewo balibanyaga, n'ekitundu ky'eggwanga lyange ekifisseewo kiribasikira.
- 10 Olw'amalala gaabwe kyebaliva babeera n'ekyo, kubanga bavumye abantu ba Mukama w'eggye ne babeegulumirizaako.
- 11 Mukama aliba wa ntiisa gye bali: kubanga alikozza bakatonda bonna ab'ensi zonna; kale abantu balimusinza, buli muntu ng'ayima mu kifo kye, ebizinga byonna eby'amawanga.
- 12 Nammwe Abaesiyoopya, mulittibwa n'ekitala kyange.
- 13 Era aligololera omukono gwe ku bukiika obwa kkono n'azikiriza Obwasuli; n'afuula Nineeve okuba amatongo era ekikalu ng'eddungu.
- 14 Era ente zinaagalamiranga wakati mu kyo, ensolo zonna ez'amawanga: kimbala era ne nnamunungu banaasulanga ku mitwe gy'empagi zaakyo: eddoozi lyabwe linaayim-biranga mu madirisa; okuzikirira kunaabanga mu miryango: kubanga ayerudde enjola ez'emivule.
- 15 Kino kye kibuga eky'essanyu ekyegololanga, ekyayogeranga mu mutima gwakyo nti Nze wendi so tewali mulala wabula nze: nga kifuuse matongo, ekifo ensolo we zigalamira! buli muntu akiiyitako anaasoozanga n'anyeenya omukono gwe.

Essuula 3

- 1 Zikisanze ekijeemu ekyo era ekyonoonefu, ekibuga ekijooga!
- 2 Tekyagondera ddoozzi; tekyakkiriza kubuulirirwa; tekyesiga Mukama; tekyasember-era Katonda waakyo.
- 3 Abakungu baamu wakati mu kyo mpologoma eziwuluguma; abalamuzi baamu misege gya kiro; tebafissaawo kintu okutuusa enkya.

- 4 Bannabbi baamu biwowongole, era ba nkwe: bakabona baakyo bayonoona ekifo ekitukuvu, bagiridde amateeka ekyejo.
- 5 Mukama ali wakati mu kyo mutuukirivu; talikola ebitali bya butuukirivu; buli nkya ayolesa omusango gwe, talekaayo; naye atali mutuukirivu tamanyi kukwatibwa nsonyi.
- 6 Mmazeewo amawanga, amakomera gaabwe galekeddwawo; nzisizza enguudo zaabwe, ne wataba ayitawo: ebibuga byabwe bizikiridde, ne watabaawo muntu so tewali atuu-lamu.
- 7 Nayogera nti Mazima onontya, onokkiriza okubuulirirwa; kale ennyumba zaakyo tezandimaliddwawo, nga byonna bwe biri bye nnalagira ku lwakyo: naye ne bagolokokanga mu makya ne boonona ebikolwa byabwe byonna.
- 8 Kale munnindirire, bw'ayogera Mukama, okutuusa ku lunaku lwe ndigolokoka okuk-wata omuyiggo: kubanga mmaliridde okukuaanya amawanga, ndeete obwakabaka okubafukako okunyiiga kwange, ekiruyi kyange kyonna; kubanga ensi zonna omuliro ogw'obuggya bwange gulizirya.
- 9 Kubanga mu biro ebyo ndikyusiza amawanga olulimi olulongoofu, bonna bakaabire erinnya lya Mukama, okumuweereza n'omwoyo gumu.
- 10 Abo abanneegayirira, ye muwala w'abange abasaasaana, balireeta ekitone kyange nga bava emitala w'emigga egy'Obuwesiyopya.
- 11 Ku lunaku olwo tolikwatibwa nsonyi olw'ebikolwa byo byonna bye wansobya kubanga lwe ndiggya wakati mu ggwe ababo abeenyumiriza n'amalala, so naawe toliba na kitigi nate ku lusozi lwange olutukuvu.
- 12 Naye ndireka wakati mu ggwe abantu ababonyaabonyezebwa era abaavu, era balye-siga erinnya lya Mukama.
- 13 Ekitundu kya Isiraeri ekirifikkawo tebalikola ebitali bya butuukirivu so tebalyogera eby'obulimba so n'olulimi olukuusa terulirabika mu kamwa kaabwe kubanga balirya, baligalamira, so tewaliba alibatiisa.
- 14 Yimba, ai omuwala wa Sayuuni; yogerera waggulu, ai Isiraeri; sanyuka ojaguze n'omutima gwonna, ai omuwala wa Yerusaalemi.
- 15 Mukama aggyeewo emisango gyo, agobye omulabe wo: kabaka wa Isiraeri, Mukama, ali wakati mu ggwe: tolitya bubi nate lwa kubiri.
- 16 Ku lunaku olwo Yerusaalemi kirigambibwa nti Totya; ai Sayuuni, emikono gyo gireme okuddirira.
- 17 Mukama Katonda wo ali wakati wo, ow'amaanyi anaalokola: alikusanyukira n'essanyu, aliwummulira mu kwagala kwe, alikusanyukira ng'ayimba.
- 18 Ndikuaanya abo abanakuwalira okukuaana okutukuvu, abaali ababo: omugugu ogwali ku kyo kyali kivume gye bali.
- 19 Laba, mu biro ebyo ndibonereza abo bonna abakubonyaabonya: era ndirokola omukazi awenyera, ne nkuaanya oyo eyagobebwa; era ndibafuula ettendo n'erinnya abakwatirwa ensonyi mu nsi zonna.
- 20 Mu biro ebyo ndibayingiza, ne mu biro ebyo ndibakuaanya: kubanga ndibafuula erinnya n'ettendo mu mawanga gonna ag'omu nsi zonna, bwe ndikom yawo obusibe bwange mmwe nga mulaba, bw'ayogera Mukama.

Kaggayi

Essuula 1

- 1 Mu mwaka ogw'okubiri ogwa Daliyo kabaka, mu mwezi ogw'omukaaga, ku lunaku olw'omwezi olw'olubereberye, ekigambo kya Mukama ne kijjira mu Kaggayi nnabbi eri Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri owessaza lya Yuda n'eri Yosua mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu nga kyogera nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Abantu bano boogera nti Kaakano si kye kiseera ffe okujja, ekiseera eky'okuzimbiramu ennyumba ya Mukama.
- 3 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira mu Kaggayi nnabi nga kyogera nti
- 4 Kye kiseera mmwe bennyini okubeera mu nnyumba zammwe ezibikkiddwako, ennyumba eno ng'ebeerera awo ng'erekeddawo?
- 5 Kale nno bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Mulowooze amakubo gammwe.
- 6 Mwasiga bingi, ne mukungula bitono; mulya naye temukkuta; munywa naye temukkuta bye munywa; mwambala naye tewali abuguma; n'oyo afuna empeera afuna okugiteeka mu nsawo eyawummukawummuka.
- 7 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Mulowooze amakubo gammwe.
- 8 Mulinnye ku lusoji, muleete emiti, muzimbe ennyumba; nange ndigisanyukira, era ndigulumizibwa, bw'ayogera Mukama.
- 9 Mwasuubira bingi, kale, laba, ne biba bitono; era bwe mwabireeta eka, ne mbifumuula. Lwaki? bw'ayogera Mukama w'eggye. Ogw'ennyumba yange ebeerera awo ng'erekeddawo, nammwe muddukira buli muntu eri ennyumba ye.
- 10 Kale ku lwammwe eggulu kyerivudde liziyizibwa okuleeta omusulo, n'ettaka liziyizibwa okubala ebibala byalyo.
- 11 Ne mpita ekyanda okujja ku nsi ne ku nsozi ne ku aano ne ku mwenge ne ku mafuta ne ku ebyo ettaka bye libala ne ku bantu ne ku nsolo ne ku mirimu gyonna egy'engalo.
- 12 Awo Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri ne Yosua mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu wamu n'abantu bonna abafisseewo ne bagondera eddoozi lya Mukama Katonda waabwe n'ebigambo bya Kaggayi nnabbi nga Mukama Katonda waabwe bwe yamutuma; abantu ne batya mu maaso ga Mukama.
- 13 Awo Kaggayi omubaka wa Mukama n'agamba abantu ng'ayima mu bubaka bwa Mukama nti Nze ndi wamu nammwe, bw'ayogera Mukama.
- 14 Awo Mukama n'akubiriza omwoyo gwa Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri owessaza lya Yuda n'omwoyo gwa Yosua mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu n'omwoyo gw'abantu bonna abaali bafisseewo, ne bajja ne bakola omulimu mu nnyumba ya Mukama w'eggye Katonda waabwe,
- 15 ku lunaku olw'omwezi olw'amakumi abiri mu nnya, mu mwezi ogw'omukaaga mu mwaka ogw'okubiri ogwa Daliyo kabaka.

Essuula 2

- 1 Mu mwezi ogw'omusanvu ku lunaku olw'omwezi olw'amakumi abiri mu lumu ekigambo kya Mukama ne kijjira mu Kaggayi nnabbi nga kyogera nti
- 2 Gamba nno Zerubbaberi mutabani wa Seyalutyeri owessaza lya Yuda ne Yosua mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu n'abantu abafisseewo ng'oyogera nti
- 3 Ani asigadde mu mmwe eyalaba ennyumba eno mu kitiibwa kyayo ekyasooka? era mugiraba mutya kaakano? temugiraba nga teriimu ka buntu mu maaso gammwe?

- 4 Era naye kaakano beera n'amaanyi, ai Zerubbaberi, bw'ayogera Mukama; era beera n'amaanyi, ai Yosua mutabani wa Yekozadaaki kabona asinga obukulu; era mubeere n'amaanyi, mmwe mwenna abantu ab'omu nsi, bw'ayogera Mukama, mukole omulimu: kubanga nze ndi wamu nammwe, bw'ayogera Mukama w'eggye,
- 5 ng'ekigambo bwe kiri kye nnalagaana nammwe bwe mwava mu Misiri, omwoyo gwange ne gubeera mu mmwe: temutya.
- 6 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, nti Ekyasigaddeyo omulundi gumu, ekiseera kitono, nkankanye eggulu n'ensi n'ennyanja n'olukalu;
- 7 ndikankanya amawanga gonna, n'ebyo ebyegombewa amawanga gonna birijja, era ndijjuza ennyumba eno ekitiibwa, bw'ayogera Mukama w'eggye:
- 8 Effeza yange ne zaabu yange, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 9 Ekitiibwa eky'ennyumba eno eky'oluvannyuma kirisinga kiri ekyasooka, bw'ayogera Mukama w'eggye: era mu kifo kino mwe ndiwa emirembe, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 10 Ku lunaku olw'amakumi abiri mu nnya olw'omwezi olw'omwenda mu mwaka ogw'okubiri ogwa Daliyo ekigambo kya Mukama ne kijjira mu Kaggayi nnabbi nga kyogera nti
- 11 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Buuza nno bakabona eby'amateeka ng'oyogera nti
- 12 Omuntu bw'asitulira ennyama entukuvu mu kirenge eky'ekyambalo kye, n'akoma ku mmere n'ekirenge kye oba mugoyo oba mwenge oba mafuta oba mmere yonna, kiriba kitukuvu? Bakabona ne baddamu ne boogera nti Nedda.
- 13 Awo Kaggayi n'alyoka ayogera nti Omuntu atali mulongoofu olw'omulambo bw'aba ng'akomye ku kimu ku ebyo byonna, kiriba ekitali kirongoofu? Bakabona ne baddamu ne boogera nti Kiriba ekitali kirongoofu.
- 14 Awo Kaggayi n'alyoka addamu n'ayogera nti Abantu bano bwe bali bwe batyo, era eggwanga lino bwe liri bwe lityo mu maaso gange, bw'ayogera Mukama; era na buli mulimu ogw'emikono gyabwe bwe guli bwe gutyo; n'ekyo kye baweerayo eyo si kirongoofu.
- 15 Kale nno, mbeegayiridde, mulwooze okuva leero n'okudda ennyuma, ejjinja nga terinnaba kutekebwa ku jjinja mu yeekaalu ya Mukama:
- 16 mu biro ebyo byonna omuntu bwe yajjanga eri entuumu ey'ebigera amakumi abiri waabangawo kkumi jjereere: omuntu bwe yajjanga eri essogolero okusena ebata amakumi ataano, nga mulimu amakumi abiri meereere.
- 17 Nabakuba n'okugengewala n'obukuku n'omuzira mu mulimu gwonna ogw'emikono gyammwe; era naye temwankyukira, bw'ayogera Mukama.
- 18 Mulwooze, mbeegayiridde, okuva leero n'okudda ennyuma, okuva ku lunaku olw'amakumi abiri mu nnya olw'omwezi ogw'omwenda, okuva ku lunaku lwe baasimba omusingi gwa yeekaalu ya Mukama, mukirowooze.
- 19 Ensigo zikyali mu ggwanika? weewaawo, omuzabbibu n'omutiini n'omukomamawanga n'omuzeyituuni teginnabala; okuva ku lunaku lwa leero ndibawa omukisa.
- 20 Awo ekigambo kya Mukama ne kijjira Kaggayi omulundi ogw'okubiri ku lunaku olw'amakumi abiri mu nnya olw'omwezi nga kyogera nti
- 21 Yogera ne Zerubbaberi owessaza lya Yuda ng'oyogera nti Ndikankanya eggulu n'ensi;
- 22 era ndisuula entebe ey'obwakabaka bungi, era ndizikiriza amaanyi ag'obwakabaka obw'amawanga; era ndisuula amagaali n'abo abagatambuliramu; n'embalaasi n'abo abazeebagala balikkakkanyizibwa buli muntu n'ekitala kya muganda we.
- 23 Ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama w'eggye, ndikutwala ggwe, ai Zerubbaberi omuddu wange, mutabani wa Seyalutyeri, bw'ayogera Mukama, ne nkufuula ng'akabonero; kubanga nkulonze, bw'ayogera Mukama w'eggye.

Zekkaliya

Essuula 1

- 1 Mu mwezi ogw'omunaana, mu mwaka ogw'okubiri ogwa Daliyo, ekigambo kya Mukama kyajja gy'ali Zekkaliya, omwana wa Berekiya, omwana wa Iddo, nnabbi, nga kyogera nti
- 2 Mukama asunguwalidde nnyo bajjajjammwe.
- 3 Kyova obagamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Mudde gye ndi, bw'ayogera Mukama w'eggye, nange ndidda gye muli, bw'ayogera Mukama.
- 4 Muleme okuba nga bajjajjammwe bannabbi ab'edda be baagambiranga waggulu nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Kale muve mu makubo gammwe amabi ne mu bikolwa byammwe ebibi; so tebaawulira so tebampuliriza, bw'ayogera Mukama.
- 5 Bajjajjammwe bali ludda wa? ne bannabbi baba balamu emirembe gyonna?
- 6 Naye ebigambo byange n'amateeka gange, bye nnalagira abaddu bange, bannabbi, tebyabasanga bajjajjammwe? ne bakyuka ne boogera nti Nga Mukama w'eggye bwe yalowooza okutukola ffe, ng'amakubo gaffe bwe gali n'ebikolwa byaffe nga bwe biri, bw'atyo bwe yatukola.
- 7 Olunaku olw'amakumi abiri mu nnya, olw'omwezi ogw'ekkumi n'ogumu, gwe mwezi Sebati, mu mwaka ogw'okubiri ogwa Daliyo, ekigambo kya Mukama kyajja eri Zekkaliya, omwana wa Berekiya, omwana wa Iddo, nnabbi, nga kyogera nti
- 8 Natunula ekiro; era, laba, omuntu nga yeebagadde embalaasi ya lukunyu, era ng'ayimiridde wakati w'emiti emikadasi egyali mu kiwonvu; n'ennyuma we embal-aasi, eza lukunyu n'eza kikuusikuusi n'enjeru.
- 9 Awo ne njogera nti Ai mukama wange, ebyo biki? Malayika eyali ayogera nange n'aamba nti Naakwolesa ebyo bwe biri.
- 10 Omuntu eyali ayimiridde wakati w'emikadasi n'addamu n'ayogera nti Ebyo Mukama by'atumye okutambulatambula ku nsi.
- 11 Ne biddamu malayika wa Mukama eyali ayimiridde wakati w'emikadasi ne byogera nti Tutambuddetambudde ku nsi, era laba, ensi yonna eteredde ewummudde.
- 12 Malayika wa Mukama n'addamu n'ayogera nti Ai Mukama w'eggye, olituusa wa obutasaasira Yerusaalemi n'ebibuga bya Yuda, bye waakanyiikaalirira emyaka ensanvu?
- 13 Mukama n'addamu malayika eyali ayogera nange ebigambo ebirungi, ebigambo eby'essanyu.
- 14 Malayika eyali ayogera nange n'aamba nti Yogerera waggulu ng'ogamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye; nkwatiddwa Yerusaalemi ne Sayuuni obuggya, obug-gya obungi.
- 15 N'obusungu obungi nsunguwalidde amawanga abawummula; kubanga nze nnanyi-igako katono, bo ne bongera ku kubonaabona okwo.
- 16 Mukama kyava ayogera bw'ati nti Nkomyewo e Yerusaalemi n'ekisa; ennyumba yange erizimbibwa omwo, bw'ayogera Mukama w'eggye, n'omugwa gulireegebwa ku Yerusaalemi.
- 17 Yogerera waggulu nate ng'ogamba nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Oliboolyawo ebibuga byange ne byanjaala olw'okulaba ebirungi; oliboolyawo Mukama n'asanyusa Sayuuni, oliboolyawo ne yeeroboza Yerusaalemi.
- 18 Ne nnyimusa amaaso gange ne ntunula; era, laba, amayembe ana.
- 19 Ne amba malayika eyali ayogera nange nti Ago maki? N'anziramu nti Gano ge mayembe agaasaasanya Yuda ne Isiraeri ne Yerusaalemi.
- 20 Mukama n'anjolesa abaweesi bana.

- 21** Ne njogera nti Abo bajja kukola ki? N'ayogera nti Gano ge mayembe agaasaasaanya Yuda omuntu n'okuyimusa n'atayimusa mutwe gwe; naye bano bazze okugasaggula, okusuula amayembe g'amawanga agaayimusizanga ejjembe lyabwe ku nsi ya Yuda okugisaasaanya.

Essuula 2

- 1** Ne nnyimusa amaaso gange ne ntunuulira; era, laba, omuntu ng'alina omugwa ogugera mu ngalo ze.
- 2** Ne njogera nti Ogenda wa ggwe? N'aamba nti Okugera Yersaalemi, ndabe obugazi bwakyo bwe buli n'obuwanvu bwakyo bwe buli.
- 3** Era, laba, malayika eyali ayogera nange n'avaayo ne malayika omulala n'avaayo okumusisinkana
- 4** n'amugamba nti Ddukanako; mugambe omuvubuka oyo nti Yersaalemi kiribaamu abantu balifikka mu bbugwe kubanga abantu bangi n'eby'omu bisibo bingi wakati mu kyo.
- 5** Kubanga nze ndiba ku kyo bbugwe ow'omuliro enjuyi zonna era ndiba kitiibwa wakati mu kyo, bw'ayogera Mukama.
- 6** Mukale, mukale, mudduke muve mu nsi ey'obukiika obwa kkbno, bw'ayogera Mukama; kubanga ng'empewo ennya ez'eggulu bwe ziri, bwe mbasaasaanyizza, bw'ayogera Mukama.
- 7** Kale, Sayuuni, dduka owone, ggwe atuula n'omuwala wa Babulooni.
- 8** Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Oluvannyuma lw'ekitiibwa antumye eri amawanga agaabanyaga; kubanga abakomako mmwe akoma ku mmunyi y'eriiso lye.
- 9** Kubanga, laba, ndibakunkumulirako omukono gwange ne baba mwandu gw'abaddu baabwe; nammwe munaamanya nga Mukama w'eggye ye yantuma.
- 10** Yimba, sanyuka, ggwe omuwala wa Sayuuni: kubanga, laba, njija nange naabeeranga wakati mu ggwe, bw'ayogera Mukama.
- 11** Ku lunaku olwo amawanga mangi agalyegatta ne Mukama ne gafuuka bantu bange: nange naabeeranga wakati mu ggwe, naawe onootegeeranga nga Mukama w'eggye yantuma gy'oli.
- 12** Era Mukama alisikira Yuda, okuba omugabo gwe mu nsi entukuvu, era alyeroboza nate Yersaalemi.
- 13** Musirike, abalina omubiri mwenna mu maaso ga Mukama; kubanga azuukuse mu kifo kye ekitukuvu mw'abeera.

Essuula 3

- 1** N'anjolesa Yosua, kabona asinga obukulu, ng'ayimiridde mu maaso ga malayika wa Mukama, ne Setaani ng'ayimiridde ku mukono gwe ogwa ddyo abe omulabe we.
- 2** Mukama n'agamba Setaani nti Mukama akunenye, ggwe Setaani; weewaawo, Mukama eyeerobozezza Yersaalemi akunenye: oyo si kisiriiza ekikwakkulibwa mu muliro?
- 3** Era Yosua yali ayambadde engoye ez'ekko n'ayimirira mu maaso ga malayika.
- 4** N'addamu n'agamba abo abaali bayimiridde mu maaso ge, n'ayogera nti Mumwambuleko engoye ez'ekko. N'agamba Yosua nti Laba, nkuyisizzaako obubi bwo; nange naakwambaza ebyambalo ebitenkanika.
- 5** Ne njogera nti Bamutikkire ku mutwe gwe ekirembe ekitukula. Awo ne bamutikkira ku mutwe gwe ekirembe ekitukula ne bamwambaza engoye malayika wa Mukama

n'ayimirira awo.

- 6 Malayika wa Mukama n'alabula nnyo Yosua, ng'ayogera nti
- 7 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Bw'onootambuliranga mu makubo gange, era bye nkuutira bw'onoobinywezanga, kale naawe ennyumba yange onoogisaliranga omusango, n'empya zange onoozikuumanga, era ndikuwa ekifo eky'okusembereramu mu banno abayimiridde.
- 8 Kale, wulira, Yosua kabona asinga obukulu, ggwe ne banno abatuula mu maaso go kubanga be bantu ab'akabonero bano; kubanga, laba, ndireeta omuddu wange Etabi.
- 9 Kubanga laba, ejjinja lye nteese mu maaso ga Yosua; ku jjinja limu kuliko amaaso musanvu; laba, ndyolako enjola zaalyo, bw'ayogera Mukama w'eggye; ndiggyamu obubi mu nsi eyo ku lunaku lumu.
- 10 Ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama w'eggye munaayitanga buli muntu munne okujja wansi w'omuzabbibu ne wansi w'omutiini.

Essuula 4

- 1 Malayika eyali ayogera nange n'akomawo, n'anzuukusa ng'omuntu bw'azuukusibwa mu tulo twe.
- 2 N'aamba nti Olabye ki Ne njogera nti Ntunudde, era, laba, ekikondo eky'ettabaaza ekya zaabu kyonna n'ekibya kyakyo nga kiri waggulu ku kyo n'ettabaaza zaakyo omusanvu; ettabaza eziri waggulu waakyo, buli ttabaaza ng'eriko emimiro musanvu:
- 3 n'emizeyituui ebiri ku mabbali eruuyi n'eruyi ogumu ku mukono ogwa ddyo ogw'ekibya, ogumu ku mukono gwakyo ogwa kkono.
- 4 Ne nziramu ne amba malayika eyali ayogera nange ne njogera nti Ebyo biki mukama wange?
- 5 Malayika eyali ayogera nange n'addamu n'aamba nti Tomanyi ebyo bwe biri? Ne njogera nti Nedda, mukama wange.
- 6 N'addamu n'aamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubbaberi nga kyogera nti Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 7 Olusozi olunene ggwe, weeyita ki? mu maaso ga Zerubbaberi olibeera lusenyi era alireeta ejjinja erya waggulu ne balirangirira nti Liweebwe ekisa, liweebwe ekisa.
- 8 Nate ekigambo kya Mukama ne kijja gye ndi nga kyogera nti
- 9 Emikono gya Zerubbaberi girasizza ennyumba eyo; era n'emikono gye girigimala; era olitegeera nti Mukama w'eggye ye yantuma gye muli.
- 10 Kubanga ye ani anyoomye olunaku olw'ebitono? Kubanga balisanyuka era baliraba ejjinja erigera mu ngalo za Zerubbaberi, bano omusanvu, ge maaso ga Mukama; gaddukanaddukana mu nsi zonna.
- 11 Ne nziramu ne mmugamba nti Emizeyituuni gino ebiri kye ki ku mukono ogwa ddyo ogw'ekikondo eky'ettabaaza ne ku mukono gwakyo ogwa kkono?
- 12 Ne nziramu omulundi ogw'okubiri ne mmugamba nti Amatabi gano abiri maki ag'emizeyituuni agali ku mabbali g'emimwa ebiri egya zaabu ageemalamu gokka amafuta aga zaabu?
- 13 N'anziramu n'ayogera nti Tomanyi ago bwe gali? Ne njogera nti Nedda, mukama wange.
- 14 Awo n'ayogera nti Ago be baana babiri ab'amafuta abayimirira awali Mukama w'ensi zonna.

Essuula 5

- 1 Era nate ne nnyimusa amaaso gange ne ntunuulira; era, laba, omuzingo gw'ekitabo ogubuuka.
- 2 N'aamba nti Olabye ki ggwe? Ne nziramu nti Ndabye omuzingo gw'ekitabo ogubuuka; obuwanvu bwagwo emikono abiri n'obugazi bwagwo emikono kkumi.
- 3 N'aamba nti Ekyyo kye kikolimo ekifuluma okubunya ensi yonna: kubanga ng'ekyyo bwe kiri, buli abba aligobwamu ku luuyi lwayo olumu; era ng'ekyyo bwe kiri, buli alayira aligobwamu ku luuyi lwayo olulala.
- 4 Ndikifulumya, bw'ayogera Mukama w'eggye; era kiriyingira mu nnyumba y'omubbi ne mu nnyumba y'oyo alayira erinnya lyange obulimba; era kirisula mu nnyumba ye wakati, era kirigizikiriza n'emiti gyayo n'amayinja gaayo.
- 5 Malayika eyali ayogera nange n'ajja n'aamba nti Kale yimusa amaaso go, olabe kino ekifuluma bwe kiri.
- 6 Ne njogera nti Ekyyo kiki? N'ayogera nti Ekyyo ye efa efuluma. Era n'ayogera nti Amaaso gaabwe bwe gali bwe gatyo ku nsi yonna;
- 7 (era, laba, ettalanta ey'essasi yasitulibwa;) n'oyo ye mukazi ng'atuula munda wa efa.
- 8 N'ayogera nti Ono bwe Bubi; n'amusuula wansi munda mu efa: n'ateeka omusinga gw'essasi ku kamwa kaayo.
- 9 Awo ne nnyimusa amaaso gange ne ntunula; era, laba, abakazi ababiri ne bafulumu, empewo nga ziri mu biwaawaatiro byabwe; era baalina ebiwaawaatiro ng'ebiwaawaatiro ebya kasida; ne basitula efa mu bbanga ly'ensi n'eggulu.
- 10 Ne amba malayika eyali ayogera nange nti Abo efa bagitwala wa?
- 11 N'aamba nti Okumuzimbira ennyumba mu nsi ya Sinaali; nayo bw'eriggwa, alitekebwa eyo mu kifo kye ye.

Essuula 6

- 1 Era ate ne nnyimusa amaaso gange ne ntunula; era, laba, amagaali ana nga gava wakati w'ensozi ebbiri; n'ensozi nsozi za bikomo.
- 2 Ku ggaali ery'olubereberye kwaliko embalaasi za lukunyu; ne ku ggaali ery'okubiri kwaliko embalaasi enzirugavu;
- 3 ne ku ggaali ery'okusatu kwaliko embalaasi enjeru; ne ku ggaali ery'okuna kwaliko embalaasi eza kikuusikuusi ezitobeseemu obwoya obweru.
- 4 Ne nziramu ne amba malayika eyali ayogera nange nti Ebyo biki, mukama wange?
- 5 Malayika n'addamu n'aamba nti Ebyo ze mpewo ennya ez'omu ggulu eziva okuyimirira mu maaso ga Mukama w'ensi zonna.
- 6 Liri eririko embalaasi enzirugavu livuddeyo okugenda mu nsi ey'obukiika obwa kkono; n'enjeru zaavaayo ennyuma waazo; n'ezitobeseemu obwoya obweru zavaayo okugenda mu nsi ey'obukiika obwa ddyo.
- 7 N'eza kikuusikuusi zaavaayo nga zaagala okugenda zitambuletambule mu nsi; n'ayogera nti Muveeyo, mutambuletambule mu nsi. Awo ne zitambulatambula mu nsi.
- 8 Awo n'ankoowoola n'aamba nti Laba, ezo ezigenda mu nsi ey'obukiika obwa kkono banzikakkanyirizza omwoyo mu nsi ey'obukiika obwa kkono.
- 9 Ekigambo kya Mukama ne kijja gye ndi nga kyogera nti
- 10 Ggya ku abo abaatwalibwa okufugibwa obuddu, ku Kaludai, ne ku Tobiya ne ku Yedaya; naawe ojje ku lunaku luli oyingire mu nnyumba ya Yosiya, omwana wa Zeffaniya, mwe batuuse nga bavudde e Babulooni;
- 11 era obaggyeko effeeza n'ezaabu obakolere engule ozitikkire ku mutwe gwa Yosuwu, omwana wa Yekozadaaki, kabona asinga obukulu;

- 12 omugambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Laba omuntu, erinnya lye Ettabi; naye aliroka mu kifo kye ye, era alizimba yeekaalu ya Mukama:
- 13 oyo ye alizimba yeekaalu ya Mukama; era oyo ye alitwala ekitiibwa, alituula ku ntebe ye alifuga; era aliba kabona ku ntebe ye; n'okuteesa okw'emirembe kulibeera wakati waabwe bombi.
- 14 N'engule ezo ziribeera za Keremu ne Tobiya ne Yedaya ne Keeni, omwana wa Zef-faniya, ez'okubajjukiza mu yeekaalu ya Mukama.
- 15 Era abaali ewala balijja balizimba mu yeekaalu ya Mukama, era mulitegeeza nti Mukama w'eggye ye yantuma gye muli. N'ebyo biriba, oba nga mulinyiikira okuwulira eddobozi lya Mukama Katonda wammwe.

Essuula 7

- 1 Awo olwatuuka mu mwaka ogw'okuna ogwa kabaka Daliyo, ekigambo kya Mukama ne kijja eri Zekkaliya ku lunaku olw'okuna olw'omwezi ogw'omwenda, mu Kisuleevu.
- 2 Awo aba Beseri baali batumye Salezeeri ne Legemumereki n'abantu baabwe kwe-gayirira ekisa kya Mukama,
- 3 n'okwogera ne bakabona ab'omu nnyumba ya Mukama w'eggye ne bannabbi, nga boogera nti Nandikaabidde amaziga mu mwezi ogw'okutaano nga neeyawudde nga bwe nnakola mu myaka gino egyenkana wano?
- 4 Awo ekigambo kya Mukama w'eggye ne kijja gye ndi nga kyogera nti
- 5 Gamba abantu bonna ab'omu nsi ne bakabona ng'oyogera nti Bwe mwasiibanga ne mukubira ebiwoobe mu mwezi ogw'okutaano ne mu gw'omusanvu, mu myaka gino ensanvu, nze mwansiibira nze n'akatonu?
- 6 Era bwe mulya ne bwe munywa, temweriira mwekka, temwenywera mwekka?
- 7 Tekibagwanidde kuwulira bigambo Mukama bye yalangiriranga mu bannabbi ab'edda, Yersaalemi bwe kyalimu abantu era nga kiri mirembe, n'ebyalo byakyo ebyali bikiri-raanye enjuyi zonna, n'ensi ey'obukiika obwa ddyo n'ensenyi nga bikyalimu abantu?
- 8 Awo ekigambo kya Mukama ne kijja eri Zekkaliya, nga kyogera nti
- 9 Bw'ati bw'ayogedde Mukama w'eggye, nti Musalenga emisango egy'ensonga, era mukolenga buli muntu muganda we ekisa n'okusaasira;
- 10 era muleme okujooganga nnamwandu ne bamulekwa, omugenyi n'omwavu; era muleme okulowoozanga obubi omuntu yenna eri munne mu mutima gwammwe.
- 11 Naye ne bagaana okuwulira ne baggyawo ekibegabega ne basiba amatu gaabwe baleme okuwulira.
- 12 Weewaawo, ne bakakanyaza emitima gyabwe ng'ejjinja ery'embaalebaale baleme okuwulira amateeka n'ebigambo Mukama w'eggye bye yaweererezanga n'omwoyo gwe mu mukono gwa banaabbi ab'edda; obusungu bungu kyebwava buva eri Mukama w'eggye.
- 13 Awo olwatuuka bwe yayogerera waggulu, nabo ne bagaana okuwulira; bwe kityo balikaaba, nange ndigaana okuwulira, bwe yayogera Mukama w'eggye;
- 14 naye ndibasaasaanyiza n'embuyaga ez'akazimu wakati w'amawanga ge bata-manyanga. Awo ensi n'eyonooneka ennyuma waabwe, omuntu yenna alemenga okuyi-tamu wadde okuddamu; kubanga baagifuula amatongo ensi eyeegombewwa.

Essuula 8

- 1 Awo ekigambo kya Mukama w'eggye ne kijja gye ndi nga kyogera nti
- 2 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Nkwatirwa Sayuuni obuggya, obuggya

obungi: nkikwatirwa ebuggya n'ekiruyi ekingi.

- 3 Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Nkiddiddemu Sayuuni, naabeeranga wakati mu Yerusaalemi: era Yerusaalemi kinaayitibwanga nti Kibuga kya mazima; era nti Lusozi lwa Mukama w'eggye, Olusozi olutukuvu.
- 4 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Abakadde, abasajja n'abakazi, balituula ate mu nguudo za Yerusaalemi, buli muntu ng'akutte omuggo mu mukono gwe kubanga akaddiye nnyo.
- 5 N'enguudo ez'ekibuga zirijjula abalenzi n'abawala nga bazannyira mu nguudo zaakyo.
- 6 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Era bwe kiriba ekitalo mu maaso g'ekitundu ky'abantu abo ekirisigalawo mu nnaku ziri, kyandibadde kya kitalo ne mu maaso gange? bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 7 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Laba, ndirokola abantu bange okuva mu nsi ey'ebuvanjuba n'okuva mu nsi ey'ebugwanjuba:
- 8 ndibaggyayo, nabo banaabeeranga wakati mu Yerusaalemi; nabo banaabanga bantu bange, nange naabeeranga Katonda waabwe mu mazima ne mu butuukirivu.
- 9 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Emikono gyammwe gibe n'amaanyi, mmwe abawulira mu nnaku zino ebigambo bino ebiva mu kamwa ka bannabbi abaaliwo mu nnaku lwe baalasa ennyumba ya Mukama w'eggye, ye yeekaalu, ezimbibwe.
- 10 Kubanga ennaku ziri nga tezinnatuuka, nga tewaliiwo mpeera ey'ensolo; so nga tewali mirembe eri oyo eyafuluma n'oyo eyaddayo olw'omulabe; kubanga nnakyayaganya abantu bonna buli muntu ne munne.
- 11 Naye kaakano nze sirikola bwe ntyo ekitundu ky'abantu abo ekyasigalawo, nga mu nnaku ez'edda, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 12 Kubanga wanaabanga ensigo ez'emirembe; omuzabbibu gunaawanga emmere yaagwo; ettaka linaawanga ekyengera kyalyo; n'eggulu linaawanga omusulo gwalyo; nange ndisisa ekitundu eky'abantu bano ekirisigalawo ebintu ebyo byonna.
- 13 Awo olulituuka nga bwe mwali ekikolimo wakati w'amawanga, ggwe ennyumba ya Yuda naawe ennyumba ya Isiraeri, bwe kityo ndibalokola, nammwe mulibeera mukisa; temutya; naye emikono gyammwe gibe n'amaanyi.
- 14 Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye, nti Nga bwe nnalowooza okubakola obubi, bajjajjammwe bwe baansunguwaza, bw'ayogera Mukama w'eggye, so sejjusa;
- 15 Bwe ntyo ate ndowoozessa mu nnaku zino okukola obulungi Yerusaalemi n'ennyumba ya Yuda; temutya.
- 16 Ebigambo bye munaakolanga bye bino; mubuuliraganenga eby'amazima buli muntu ne munne; musalenga emisango egy'ensonga n'emisango egy'emirembe mu miryango gyammwe:
- 17 so omuntu aleme okulowooza obubi ku munne mu mitima gyammwe; so temwagalanga kirayiro kyonna eky'obulimba; kubanga ebyo byonna bye nkyawa, bw'ayogera Mukama.
- 18 Awo ekigambo kya Mukama w'eggye ne kijja gye ndi nga kyogera nti
- 19 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Okusiiba okw'omu mwezi ogw'okuna n'okusiiba okw'omu mwezi ogw'okutaano n'okusiiba okw'omu mwezi ogw'omusanvu n'okusiiba okw'omu mwezi ogw'ekkumi kunaabanga eri ennyumba ya Yuda okusanyuka n'okujaguza n'embaga ennungi; kale mwagalenga amazima n'emirembe.
- 20 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Oliboolyawo amawanga ne gajja n'abo ababeera mu bibuga ebingi;
- 21 era ababeera mu kibuga ekimu baligenda mu kirala nga boogera nti Tugende mangu okwegayirira ekisa kya Mukama n'okunoonya Mukama w'eggye; era nange ndigenda.

- 22 Weewaawo, abantu bangi n'amawanga ag'amaanyi balijja okunoonya Mukama w'eggye mu Yerusaalemi n'okwegayirira ekisa kya Mukama.
- 23 Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Mu nnaku ziri abantu kkumi balikwata, okuva mu nnimi zonna ez'amawanga balikwata ku lukugiro olw'omuntu Omuyudaaya nga boogera nti Tuligenda nammwe; kubanga tuwulidde nti Katonda ali nammwe.

Essuula 9

- 1 Omugugu gw'ekigambo kya Mukama ku nsi ya Kadulaki, ne Ddamasiko kiriba kiwummula kyagwo; kubanga eriiso ly'abantu n'ery'ebika byonna ebya Isiraeri: eri Mukama;
- 2 era ne Kamasi ekiriraanye nakyo: Ttuulo ne Sidoni, kubanga kya magezi mangi nnyo. Ne Ttuulo kyezimbira ekigo ne kituuma ffeeza ng'enfuufu n'ezaabu ennungi ng'ebitoomi eby'omu nguudo.
- 3 Ne Ttuulo kyezimbira ekigo ne kituuma ffeeza ng'enfuufu n'ezaabu nnungi ng'ebitoomi eby'omu nguudo.
- 4 Laba, Mukama alikigoba mu byakyo, alikuba amaanyi gaakyo ku nnyanja; era kiryokebwa omuliro.
- 5 Asukulooni kiriraba kiritya; era ne Gaza, nakyo kirirumwa nnyo; ne Ekuloni, kubanga okusuubira kwakyo kuliswala; ne kabaka alibula nu Gaza, era ne Asukulooni tekirib-aamu bantu.
- 6 Omwana omwebolereze alibeera mu Asudodi, era Abafirisuuti ndibaloga amalala.
- 7 Era ndiggyamu omusaayi mu kamwa ke n'emizizo gye wakati w'amannyo ge; naye anaabanga kitundu ekirisigalawo eri Katonda waffe; naye anaabeeranga ng'omukungu mu Yuda, ne Ekuloni nga Omuyebusi.
- 8 Nange naasiisiranga awali ennyumba yange mu maaso g'eggye, omuntu alemenga okuyitawo newakubadde okuddayo; so tewaabenga mujoozi nate aliyita wakati mu bo; kubanga kaakano ndabye n'amaaso gange.
- 9 Sanyuka nnyo, ggwe omuwala wa Sayuuni: yogerera waggulu, ggwe omuwala wa Yerusaalemi; laba, kabaka wo ajja gy'oli; ye mutuukirivu era alina obulokozi; muwombeefu era nga yeebagadde endogoyi, n'akayana omwana gw'endogoyi.
- 10 Era Efulayimu ndimuggyako eggaali, ne Yerusaalemi ndikiggyako embalaasi n'omutego ogw'olutalo guliggibwako; era oyo aligabulira amawanga emirembe; n'okufuga kwe kuliva ku nnyanja okutuuka ku nnyanja, era kuliva ku Mugga okutuuka ku nkomerero z'ensi.
- 11 Era naawe, olw'omusaayi ogw'endagaano yo, nziyeemu abasibe bo mu bunnyanya omu-tali mazzi.
- 12 Mukyukire ekigo, mmwe abasibe abalina essuubi; ku lunaku lwa leero mbuulira: nti ndikuddiza emirundi ebiri.
- 13 Kubanga nneewetedde Yuda: omutego ngujjuzizza Efulayimu; nange ndiyina abaana bo, ggwe Sayuuni, n'abaana bo, ggwe Obuyonaani, era ndikufuula ng'ekitala eky'omuzira.
- 14 Era Mukama alirabika waggulu gye bali, n'akasaale ke kalivaayo ng'enjota; era Mukama Katonda alifuuwa akagombe, era aligenda ne kikuunta ow'obukiika obwa ddyo.
- 15 Mukama w'eggye alibazibira; nabo balirya balirinnya ku mayinja ag'envuumuulo; balinywa balikaayana ng'ab'omwenge; era balijjula ng'ebibya, ng'ensonda ez'ekyoto.
- 16 Era Mukama Katonda waabwe alibalokola ku lunaku luli ng'ekisibo ky'abantu be; kuba baliba ng'amayinja ag'engule, agayimusibwa waggulu ku nsi ye.
- 17 Kubanga obulungi bwe so nga bungi, okuwooma kwe so nga kungi! Eaano erinyiriza

abavukuba, n'omwenge omusu gulinyiriza abawala.

Essuula 10

- 1 Musabe Mukama enkuba mu biro ebya ddumbi, Mukama akola ebimyansa; naye alibawa empandaggirize, buli muntu omuddo mu ttale.
- 2 Kubanga amayembe googedde ebitaliimu n'abalaguzi balabye obulimba; ne boogera ebirooto eby'obulimba, ne basanyusiza bwereere; kyebava bazuana ng'endiga; babonaabona kubanga tewali musumba.
- 3 Obusungu bwange buyimuse ku basumba, era ndibonereza embuzi ennume; kubanga Mukama w'eggye akyalidde ekisibo kye; ye nnyumba ya Yuda, era alibafuula ng'embalaasi ye ennungi ku lutalo.
- 4 Eri ye erivaayo ejjinja ery'oku nsonda, era eri ye enninga, era eri ye buli mukamuzi waamu.
- 5 Nabo baliba ng'abazira abalinnyirira abalabe baabwe mu bitoomi eby'omu nguudo ku lutalo; nabo balirwana kubanga Mukama ali wamu nabo: n'abo abeebagala embalaasi baliswala.
- 6 Nange ndiwa amaanyi ennyumba ya Yusufu, nange ndibakomyawo kubanga mbasaasidde; nabo baliba nga bwe bandibadde singa saabagoba; kubanga nze Mukama Katonda waabwe, nange ndibawulira.
- 7 N'aba Efulayimu balibeera ng'omuzira, n'omutima gwabwe gulisanyuka ng'asanyukira omwenge weewaawo, abaana baabwe balikiraba balisanyuka; omutima gwabwe gulisanyukira Mukama.
- 8 Ndibayitiriza ndibakuaanya; kubanga mbanunudde; era balyala nga bwe baayala.
- 9 Nange ndibasiga mu mawanga, era balinjijukira nga bayima mu nsi ez'ewala; era baliba balamu n'abaana baabwe, era balikomawo.
- 10 Nange ndibaggya mu nsi ya Misiri, ndibakuaanya nga mbaggya mu Bwasuli; era ndibatuusa mu nsi ya Gireyaadi ne Lebanooni; so tewalibalabikira bbanga.
- 11 Naye aliyita mu nnyanja ey'okubonaabona, alikuba amayengo mu nnyanja, n'obuziba bwonna obwa Kiyira bulikalira; n'ekyejo eky'Obwasuli kirikkakkanyizibwa, n'omuggo gwa kabaka w'e Misiri gulimuggibwako.
- 12 Nange ndibassaamu amaanyi mu Mukama; nabo balitambulatambula mu linnya lye, bw'ayogera Mukama.

Essuula 11

- 1 Ggulawo enzigi zo, ggwe Lebanooni, omuliro gwokye emivule gyo.
- 2 Kuba ebiwoobe, ggwe omuberoosi, kubanga omuvule gugudde, kubanga emiti emirungi ennyo gyoonese: mukube ebiwoobe, mmwe emyera gya Basani, kubanga ekibira ekitatuukikako kigudde.
- 3 Eddoboozi ery'ebiwoobe eby'abasumba! kubanga obulungi bwabwe bwonoonese: eddoboozi ery'okuwuluguma kw'empologoma ento kubanga amalala ga Yoludaani goonoonese.
- 4 Bw'ati bwe yayogera Mukama Katonda wange nti Liisa ekisibo eky'okuttibwa;
- 5 bannyini zo be bazitta ne beeyita abatazzizza musango; n'abo abazitunda bagamba nti Atenderezebwe Mukama, kubanga ngaggawadde: so abasumba baazo zennyini tebazisaasira.
- 6 Kubanga sirisaasira nate abobeera mu nsi, bw'ayogera Mukama: naye, laba, ndiwaayo abantu buli muntu mu mukono gwa munne ne mu mukono gwa kabaka we: nabo balibonyaabonya ensi, so siribalokola mu mukono gwabwe.

- 7 Awo ne ndiisa ekisibo eky'okuttibwa, weewaawo, ennafu ez'omu kisibo. Ne nneetwalira emiggo ebiri; ogumu ne ngutuuma nti Ekisanyukirwa; omulala ne ngutuuma nti Ebisiba; ne ndiisa ekisibo.
- 8 Ne nziyawo abasumba abasatu mu mwezi ogumu; kubanga emmeeme yange baali bagikooyezza, n'emmeeme yaabwe nayo n'entamwa nze.
- 9 Awo ne njogera nti Siribaliisa; ekifa kife bufi; ekigenda okuggibwawo, kiggibwewo; ebisigalawo biryaane ekimu omubiri gwa kinnaakyo.
- 10 Ne ntwala omuggo gwange Ekisanyukirwa ne ngusala wakati ndyoke ndibye endagaano yange gye nnalagaana n'amawanga gonna.
- 11 Ne gumenyeka ku lunaku olwo: bwe kityo abanaku ab'omu kisibo abaali bampulira ne bategeera nga kino kye kigambo kya Mukama.
- 12 Ne mbagamba nti Oba kirungi mu maaso gammwe, mumpe empeera yange; naye oba si kirungi, mulekeeyo. Awo ne bagera okuba empeera yange ebitundu asatu eby'effeeza.
- 13 Mukama n'aamba nti Bisuulire omubumbi, omuwendo ogutuukidde ddala gwe bannamula. Ne ntwala ebitundu asatu ebya ffeeza ne mbisuulira omubumbi mu nnyumba ya Mukama.
- 14 Awo ne nsala wakati omuggo gwange ogw'okubiri Ebisiba, ndibye oluganda eri Yuda ne Isiraeri.
- 15 Awo Mukama n'aamba nti Weetwalire nate ebintu eby'omusumba omusirusiru.
- 16 Kubanga, laba, nze ndiyimusa omusumba mu nsi, atalizifaako ziri ezibuze, so tali-noonya ziri ezisaasaanye, so taliwonya ziri ezimenyese, so taliriisa ziri eziyimirira, naye ennyama y'ezo eza ssava aligirya, era alityemulatyemula ebinuulo byazo.
- 17 Zimusanze omusumba ataliiko ky'agasa aleka ekisibo ekitala kiriba ku mukono gwe ne ku liiso lye erya ddyo; omukono gwe gulikalira, n'eriiso lye erya ddyo lirizibira ddala.

Essuula 12

- 1 Omugugu ogw'ekigambo kya Mukama oguli ku Isiraeri. Ayogera Mukama abamba eggulu, era assaawo emisingi gy'ensi, era abumba omwoyo gw'omuntu munda ye, nti
- 2 Laba, nze ndifuula Yersaalemi ekikompe eky'okuta gatta, eri amawanga gonna enjuyi zonna, era eriba n'eri Yuda bwe bazingiza Yersaalemi.
- 3 Awo olulituuka ku lunaku luli ndifuula Yersaalemi ejjinja erizitowa eri amawanga gonna; bonna abaliryebinika balifumitibwa nnyo ebiwundu; era amawanga gonna ag'ensi galikuaana okukirwanyisa.
- 4 Ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama, ndisamaaliriza buli mbalaasi, n'oyo agyebagadde ndimulalusa: ndizibula amaaso gange ku nnyumba ya Yuda, era ndiziba amaaso ga buli mbalaasi y'amawanga.
- 5 N'abaami ba Yuda balyogera mu mutima gwabwe nti Abali mu Yersaalemi ge maanyi gange mu Mukama w'eggye Katonda waabwe.
- 6 Ku lunaku luli ndifuula abaami ba Yuda ng'olubumbiro oluliko omuliro oluli mu nku, era ng'omumuli ogw'omuliro oguli mu binywa by'eaano; nabo balimalawo amawanga gonna enjuyi zonna, ku mukono ogwa ddyo n'ogwa kkono: oliboolyawo Yersaalemi kiribaawo nate mu kifo kyakyo, mu Yersaalemi.
- 7 Era Mukama alisooka okulokola eweema za Yuda, ekitiibwa ky'ennyumba ya Dawudi n'ekitiibwa ky'abo abali mu Yersaalemi kireme okugulumira okusinga Yuda.
- 8 Ku lunaku luli Mukama alizibira abali mu Yersaalemi; aliba omunafu ku bo ku lunaku luli alibeera nga Dawudi; era ennyumba ya Dawudi eriba nga Katonda, nga malayika wa Mukama ali mu maaso gaabwe.

- 9 Awo olulituuka ku lunaku luli ndinoonya okuzikiriza amawanga gonna agatabaala Yersaalemi.
- 10 Era ndifuka ku nnyumba ya Dawudi ne ku abo abali mu Yersaalemi omwoyo ogw'ekisa n'ogw'okwegayirira; era balitunuulira nze gwe baafumita: era balimukubira ebiwoobe ng'omuntu bw'akubira ebiwoobe omwana we omu yekka, era balimulimirwa omwoyo ng'omuntu bw'alumirwa omwana we omubereberye.
- 11 Ku lunaku luli balikuba ebiwoobe bingi mu Yersaalemi ng'ebiwoobe ebya Kadadulimmoni mu kiwonvu Megiddoni.
- 12 Era ensi erikuba ebiwoobe, buli kika kyokka; ekika eky'ennyumba ya Dawudi, kyokka; ne bakazi baabwe bokka; ekika eky'ennyumba ya Nasani kyokka, ne bakazi baabwe bokka;
- 13 ekika eky'ennyumba ya Leevi kyokka, ne bakazi baabwe bokka; ekika eky'Abasimeeyi kyokka, ne bakazi baabwe bokka;
- 14 ebika byonna ebisigalawo, buli kika kyokka, ne bakazi baabwe bokka.

Essuula 13

- 1 Ku lunaku luli oluzzi luliggulirwa ennyumba ya Dawudi n'abo abali mu Yersaalemi olw'ebibi n'olw'empitambi.
- 2 Awo olulituuka ku lunaku luli, bw'ayogera Mukama w'eggye, ndiggyamu amannya ag'ebifaananyi mu nsi, so tegalijjukirwa nate: era ate ndiviisa mu nsi bannabbi n'omwoyo ogutali mulongoofu.
- 3 Awo olulituula omuntu ng'akyagenda okulagula kale kitaawe ne nnyina abaamuzaala balimugamba nti Tolibeera mulamu; kubanga oyogerera obulimba mu linnya lya Mukama: awo kitaawe ne nnyina abaamuzaala balimufumita bw'alagula.
- 4 Awo olulituuka ku lunaku luli bannabbi balikwatirwa ensanyi buli muntu okwolesebwa kwe ng'alagula; so tebalyambala kyambalo eky'ebyoya balyoke balimbe:
- 5 naye alyogera nti Siri nnabbi nze, ndi mulimi wa ttaka nze; kubanga bantunda okuva mu buto bwange.
- 6 N'omu alimugamba nti Ebiwundu ebiri wakati w'emikono gyo biki? Awo aliddamu nti Bye nnafumitirwa mu nnyumba ya mikwano gyange.
- 7 Golokoka, ggwe ekitala, okulwana n'omusumba wange, n'omuntu, ye munnange, bw'ayogera Mukama w'eggye: tema omusumba n'endiga zirisaasaana; nange ndisasaako omukono gwange ku bato.
- 8 Awo olulituuka mu nsi yonna bw'ayogera Mukama, ebitundu byayo bibiri birizikirira birifa; naye eky'okusatu kirirekebwa omwo.
- 9 N'ekitundu eky'okusatu ndikiyisa mu muliro, era ndibalongoosa ng'effeeza bw'erongoosebwa, era ndibakema nga zaabu bw'ekemebwa: balikaabirira erinnya lyange, nange ndibawulira: ndyogera nti Be bantu bange; nabo balyogera nti Mukama ye Katonda wange.

Essuula 14

- 1 Laba, olunaku lwa Mukama lujja, omwandu gwo bwe guli gerekerwa mu ggwe wakati.
- 2 Kubanga ndikuaanyiza amawanga gonna ku Yersaalemi okulwana era ekibuga kirimenyebwa, n'ennyumba zirinyagibwa, n'abakazi balikwatibwa lwa maanyi: n'ekitundu ky'ekibuga kiritwalibwa okufugibwa obuddu; n'ekitundu eky'abantu ekirisigalawo tekirimalibwawo mu kibuga.
- 3 Awo Mukama alitabaala alirwana n'amawanga gali nga bwe yalwana ku lunaku

olw'olutalo.

- 4 Era aliyimirira n'ebigere bye ku lunaku luli ku lusozi olwa Zeyituuni olwolekedde Yersaalemi ebuwanjuba, n'olusozi olwa Zeyituuni lulyatika wakati waalwo ebuwanjuba n'ebugwanjuba, era walibaawo ekiwonvu ekinene ennyo; ekitundu ekimu eky'olusozi kirijjulukuka okugenda obukiika obwa kkono, n'ekitundu kyalwo ekimu okugenda obukiika obwa ddyo.
- 5 Nammwe muliddukira mu kkubo ery'omu kiwonvu eky'ensozi zange; kubanga ekiwonvu eky'ensozi kirituuka ku Azeri: weewaawo, mulidduka nga bwe mwadduka okukankana kw'ensi okwali mu mirembe gya Uzziya, kabaka wa Yuda: era Mukama Katonda wange alijja n'abatukuvu bonna wamu naawe.
- 6 Awo olulituuka ku lunaku luli omusana teguliba na kumasamasa na kizikiza,
- 7 naye walibeera olunaku lumu olumanyibwa Mukama; si musana so si kiro: naye olulituuka akawungeezi walibeera omusana.
- 8 Awo olulituuka ku lunaku luli amazzi amalamu galiva e Yersaalemi; ekitundu kyago kirigenda mu nnyanja ey'ebujanjuba n'ekitundu kyago mu nnyanja ey'ebugwanjuba; kiriba bwe kityo mu kyeya ne mu ttoggo.
- 9 Era Mukama aliba kabaka w'ensi zonna: ku lunaku luli Mukama alibeera omu n'erinya lye limu.
- 10 Ensi yonna erikyuka eriba nga Alaba, okuva mu Geba okutuuka ku Limmoni ku luuyi olw'obukiika obwa ddyo obwa Yersaalemi; era kiriyimuka kiribeera mu kifo kyakyo, okuva ku mulyango gwa Benyamini okutuuka ku kifo eky'omulyango ogw'olubereberye, ku mulyango ogw'ensonda; n'okuva ku kigo kya Kananeri okutuuka ku masogolero ga kabaka.
- 11 Era abantu balibeera mu kyo, so nga tewakyali kikolimo; naye Yersaalemi kiribeera awo mirembe.
- 12 Na kino kye kibonoobono Mukama ky'alirwaza amawanga gonna agalwana ne Yersaalemi: omubiri gwabwe gulivunda nga bakyayimiridde ku bigere byabwe, n'amaaso gaabwe galivundira mu bunnya bwago, n'ennimi zaabwe zirivundira mu kamwa kaabwe.
- 13 Awo olulituuka ku lunaku luli okuyoogaana okunene okuva eri Mukama kuliba mu bo; era balikwata buli muntu ku mukono gwa munne, n'omukono gwe guliyimuka okukuba omukono gwa munne.
- 14 Era ne Yuda alirwana ne Yersaalemi; era obugagga obw'amawanga gonna agaliraanyeeowo bulikuaana, zaabu n'effeeza n'ebymbalo, bingi nnyo nnyini.
- 15 Era bwe kityo bwe kiriba ekibonoobono eky'embalaasi n'eky'ennyumbu n'eky'eamira n'eky'endogoyi n'ensolo zonna eziriba mu bisulo biri, ng'ekibonoobono ekyo bwe kiriba.
- 16 Awo olulituuka buli muntu asigalawo ku mawanga gonna agajja okulwana ne Yersaalemi anaayambukanga buli mwaka okusinza Kabaka, Mukama w'eggye, n'okukwata embaga ey'ensiisira.
- 17 Awo olulituuka buli muntu mu bika byonna eby'ensi ataayambukenga Yersaalemi kusinza Kabaka, Mukama w'eggye, enkuba terimutonnyera.
- 18 Era ekika kya Misiri bwe kitaayambukenga bwe kitajjenga, nabo teribattonnyera; walibaawo ekibonoobono Mukama ky'alirwaza amawanga agataayambukenga okukwata embaga ey'ensiisira.
- 19 Ekyo kiriba kibonerezo kya Misiri n'ekibonerezo eky'amawanga gonna agataayambukenga okukwata embaga ey'ebisiisira.
- 20 Ku lunaku luli ku ndege z'embalaasi kulibaako nti OBUTUKUVU ERI MUKAMA; era n'entamu mu nnyumba ya Mukama ziriba ng'ebibya mu maaso g'ekyoto.
- 21 Weewaawo, buli ntamu mu Yersaalemi ne mu Yuda eriba ntukuvu eri Mukama

w'eggye; n'abo bonna abawaayo ssaddaaka balijja ne bazitoolangako ne bafumba
omwo: era ku lunaku luli nga tewakyali Mukanani mu nnyumba ya Mukama w'eggye.

Malaki

Essuula 1

- 1 Omugugu ogw'ekigambo kya Mukama eri Isiraeri ekyajjira mu Malaki.
- 2 Nnabaagala, bw'ayogera Mukama. Era naye mwogera nti Watwagala otya? Esawu teyali muganda wa Yakobo? bw'ayogera Mukama: era naye nnamwagala Yakobo;
- 3 naye Esawu nnamukyawa, ne nfuula ensozi ze okuba amatongo, ne mpa obusika bwe ebibe eby'omu ddungu.
- 4 Kubanga Edomu ayogera nti Tukubiddwa wansi, naye tulidda ne tuzimba ebifo ebyazika; bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti Bo balizimba, naye nze ndyabya: era abantu banaabayitanga nti Nsalo ya bubi, era nti Bantu Mukama b'anyigira ennaku zonna.
- 5 Era amaaso gammwe galiraba, ne mwogera nti Mukama agulumizibwe okusukka ensalo ya Isiraeri.
- 6 Omwana assamu ekitiibwa kitaawe, n'omuuddu mukama we: kale oba nga ndi kitammwe, ekitiibwa kyange kiri ludda wa? era oba nga ndi mukama kitammwe okutiibwa kwange kuli ludda wa? Mukama w'eggye bw'agamba mmwe, Ai bakabona abanyooma erinnya lyange. Era mwogera nti Twali tunyoomye tutya erinnya lyo?
- 7 Muweerayo ku kyoto kyange omugaati ogwonoonese. Era mwogera nti Twakwonoona tutya? Kubanga mwogera nti Emmeeza ya Mukama teriimu ka buntu.
- 8 Era bwe muwaayo enzibe y'amaaso okuba ssaddaaka, nga si bubi! era bwe muwaayo ewenyera n'endwadde, nga si bubi! Kale nno gitonere oyo akutwala; anaakusanyukira? oba anakkiriza amaaso go? bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 9 Kale nno mbeegayiridde musabe ekisa kya Katonda, atukwatirwe ekisa: ebyo byabaawo ku bwammwe: waliwo ku mmwe gw'anakkirizaako amaaso ge? bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 10 Mu mmwe singa mubaddemu n'omu eyandiggaddewo enzigi, muleme okukuma omuliro ku kyoto kyange obwereere! Sibasanyukira n'akatonu, bw'ayogera Mukama w'eggye, so sikkirize kiweebwayo eri omukono gwammwe.
- 11 Kubanga okuva enjuba gy'eva okutuusa gy'egwa erinnya lyange kkulu mu b'amawanga; era obubaane buweerwayo mu buli kifo eri erinnya lyange, n'ekiweebwayo ekirongoofu: kubanga erinnya lyange kkulu mu b'amawanga, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 12 Naye mmwe mulivumisa kubanga mwogera nti Emmeeza ya Mukama eyonoonese, n'ebibala byayo, ye mmere ye, teriimu ka buntu.
- 13 Era mwogera nti Laba, omulimu guno nga guyinze! era mugisoozezza, bw'ayogera Mukama w'eggye; era muleese ekyo ekyanyagibwa olw'amaanyi, n'ekiwenyera, n'ekirwadde; bwe mutyo bwe muleeta ekiweebwayo: nnandikkirizza ekyo mu mukono gwammwe? bw'ayogera Mukama.
- 14 Naye oyo alimba akolimirwe, alina ennume mu kisibo kye, ne yeeyama n'awaayo ssaddaaka eri Mukama ekintu ekiriko obulema: kubanga nze ndi kabaka mukulu, bw'ayogera Mukama w'eggye, n'erinnya lyange lya ntiisa mu b'amawanga.

Essuula 2

- 1 Kale nno, mmwe bakabona, ekiragiro kino kyammwe.
- 2 Bwe mutakkirize kuwulira era bwe mutakkirize kukissa ku mwoyo okuwa erinnya lyange ekitiibwa, bw'ayogera Mukama w'eggye, kale ndiweereza ku mmwe ekikolimo ekyo, era ndikolimira emikisa gyammwe: weewaawo, mmaze

okugikolimira, kubanga temukissa ku mwoyo.

- 3 Laba, ndinenya ensigo ku lwammwe, era ndisiiga obusa ku maaso gammwe, obusa obwa ssaddaaka zammwe; nammwe muliggibwawo wamu nabwo.
- 4 Awo mulimanya nga nze nnaweereza ekiragiro kino gye muli, endagaano yange ebeere ne Leevi, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 5 Endagaano yange yabanga naye ey'obulamu n'emirembe; era nnabimuwa ebyo alyoke atye, n'antya n'atekemukira erinnya lyange.
- 6 Etteeka ery'amazima lyabanga mu kamwa ke, so n'obutali butuukirivu tebwalabika mu mimwa gye: yatambulanga nange mu mirembe n'obugolokofu, n'akyusanga bangi okuleka obutali butuukirivu.
- 7 Kubanga emimwa gya kabona gyandinywezezza okumanya, era bandinoonyezza amateeka mu kamwa ke: kubanga ye mubaka wa Mukama w'eggye.
- 8 Naye mmwe mukyuse mukyamyemwe mu kkubo; musittazizza bangi mu mateeka; mwonoonye endagaano ya Leevi, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 9 Nange kyenvudde mbafuula abanyoomebwa abataliimu ka buntu mu maaso g'abantu bonna, nga bwe mutakwata makubo gange naye ne mussaayo omwoyo eri amaaso g'abantu mu mateeka.
- 10 Fenna tetulina kitaffe omu? Si Katonda omu eyatutonda? tukuusizakuusiza ki buli muntu muganda we, nga twonoona endagaano ya bajajjaffe?
- 11 Yuda akuusizzakuusizza, era bakola eky'omuzizo mu Isiraeri ne mu Yerusalemi: kubanga Yuda ayonoonye obutukuvu bwa Mukama bw'ayagala, era awasizza omuwala wa katonda omunnaggwanga.
- 12 Akola bw'atyo Mukama alimuzikiririza oyo azuukuka n'oyo ayitaba, okuva mu weema za Yakobo, n'oyo awaayo ekiweebwayo, eri Mukama w'eggye:
- 13 Era na kino nakyo mukikola: mubikka ekyoto kya Mukama amaziga n'okukaaba n'okussa ebikkowe, n'okussaayo n'atassaayo nate mwoyo eri ekiweebwayo so takikiriza mu mukono gwammwe ng'asiimye.
- 14 Kubanga Mukama yabanga mujulirwa eri ggwe n'eri omukazi ow'omu buvubuka bwo, gwe wakuusakuusa, newakubadde nga ye munno era omukazi gwe walagaana naye endagaano.
- 15 Era teyakola omu? newakubadde ng'alina omwoyo ogwafikkawo? Era yakolera ki omu? Yali anoonya ezzadde eriritya Katonda. Kale mwekuumenga omwoyo gwammwe, so tewabangawo akuusakuusa omukazi ow'omu buvubuka bwe.
- 16 Kubanga nkyawa okugoba abakazi, bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri, n'oyo abikka ekyambalo kye n'ekyejo, bw'ayogera Mukama w'eggye: kale mwekuumenga omwoyo gwammwe muleme okukuusakuusanga.
- 17 Mwakooya Mukama n'ebigambo byammwe. Era naye mwogera nti Twamukooya tutya? Kubanga mwogera nti Buli muntu akola obubi aba mulungi mu maaso ga Mukama, era abasanyukira; oba Katonda nnannyini musango ali ludda wa?

Essuula 3

- 1 Laba, ntuma omubaka wange; naye alirongoosa ekkubo mu maaso gange: era Mukama gwe munoonya alijja mu yeekaalu ye nga tebamanyiridde; n'omubaka w'endagaano gwe musanyukira, laba, ajja; bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 2 Naye ani ayinza okugumiikiriza olunaku olw'okujja kwe? era ani aliyimirira ye bw'alirabika? kubanga alianga omuliro gw'oyo alongoosa effeeza, era nga sabbuuni ow'aboozi:
- 3 era alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; awo baliwaayo eri Mukama

ebiweebwayo mu butuukirivu.

- 4 Awo ekiweebwayo ekya Yuda ne Yerusaalemi ne kiryoka kisanyusa Mukama nga mu nnaku ez'edda era nga mu myaka egyayitawo.
- 5 Era ndibasemberera okusala omusango; era ndiba mujulirwa mwangu eri abalogo n'eri abenzi n'eri abalayira eby'obulimba; n'eri abo abalyazaamaanya omupakasi empeera ye; nnamwandu n'atalina kitaawe, en abagoba munnaggwanga obutamuwa bibye, so tebantya, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 6 Kubanga nze Mukama sijjulukuka: mmwe, batabani ba Yakobo, kyemuva mulema okumalibwawo.
- 7 Okuva ku nnaku za bajjajammwe nga mukyuka okukyama mu biragiro byange, so temubikwatanga: Mudde gye ndi, nange nadda gye muli, bw'ayogera Mukama w'eggye. Naye mwogera nt Tunadda tutya?
- 8 Omuntu alinyaga Katonda? naye mmwe munnyaga nze. Naye mwogera nti Twakunyaga tutya? Mwannyagako ebitundu eby'ekkumi n'ebiweebwayo.
- 9 Mukolimiddwa ekikolimo ekyo; kubanga munnyaga nze; eggwanga lino lyonna.
- 10 Muleete ekitundu eky'ekkumi ekiramba mu ggwanika, ennyumba yange ebeeremu emmere, era munkeme nakyo, bwayogera Mukama w'eggye, oba nga siribaggulirawo ebituli eby'omu ggulu, ne mbafukira omukisa, ne wataba na bbanga weguligya.
- 11 Era ndinenya omuli ku lwanmwe, so talizikiriza bibala bya ttaka lyammwe; so n'omuzabbibu gwanmwe tegulikunkumula bibala byagwo mu nnimiro entuuko nga tezinnatuuka, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 12 Era amawanga gonna galibayita ba mukisa: kubanga muliba nsi esanyusa, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 13 Ebigambo byammwe byabanga biwaganyavu eri nze, bw'ayogera Mukama. Era naye mwogera nti Twakwogerako tutya?
- 14 Mwayogera nti Okuweereza Katonda kwa bwereere: era kugasa ki nga tukutte ebyo bye yakuutira, era nga tutambulidde mu maaso ga Mukama w'eggye nga tutokooteredde?
- 15 Era kaakano ab'amalala betuyita ab'omukisa: weewaawo, bo abakola obubi bazim-bibwa; weewaawo, bakema Katonda ne bawonyezebwa.
- 16 Awo abo abaatya Mukama ne boogeragana bokka na bokka: Mukama n'awuliriza n'awulira, ekitaboo eky'okujjukiza ne kibawandiikirwa mu maaso ge abo abaatya Mukama ne balowooza erinya lye.
- 17 Era baliba bange, bw'ayogera Mukama w'eggye, ku lunaku lwe ndikolerako, baliba kintu kya nsuma; era ndibasonyiwa ng'omusajja bw'asonyiwa mutabani we ye amuweereza.
- 18 Awo lwe mulidda ne mwawula omutuukirivu n'omubi, oyo aweereza Katonda n'oyo atamuweereza.

Essuula 4

- 1 Kubanga, laba, olunaku lujja, lwokya ng'ekikoomi; n'ab'amaala bonna n'abo bonna abakola obubi baliba bisasiro: awo olunaku olujja lulibookera ddala, bw'ayogera Mukama w'eggye, obutabalekerawo kikolo newakubadde ettabi.
- 2 Naye mmwe abatya erinnya lyange enjuba ey'obutuukirivu eribaviirayo ng'erina okuwonya mu biwaawaatiro byayo, kale mulifuluma ne muligita ng'ennyana ez'omu kisibo.
- 3 Era mulirinnyirira ababi; kubanga baliba vvu wansi w'ebigere byammwe, ku lunaku lwe ndikolerako, bw'ayogera Mukama w'eggye.
- 4 Mujjukire amateeka ga Musa omuddu wange, ge nnamulagiririra ku Kolebu olwa

Isiraeri yenna, ebiragirow n'emisango.

- 5 Laba, ndibatumira Eriya nnabbi olunaku olukulu olw'entiisa olwa Mukama nga terunnaba kutuuka.
- 6 Era alikyusa omutima gwa bakitaabwe eri abaana, n'omutima gw'abaana eri bakitaabwe; neme okujja ne nkuba ensi n'ekikolimo.

ENDAGAANO EMPYA

Matayo

Essuula 1

- 1 Ekitabo eky'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo, omwana wa Dawudi, omwana wa Ibulayimu.
- 2 Ibulayimu yazaala Isaaka; Isaaka n'azaala Yakobo; Yakobo n'azaala Yuda ne baganda be;
- 3 Yuda n'azaala Pereezi ne Zeera mu Tamali; Pereezi n'azaala Keezulooni; Keezulooni n'azaala Laamu;
- 4 Laamu n'azaala Amminadaabu; Amminadaabu n'azaala Nasoni; Nasoni n'azaala Salumooni;
- 5 Salumooni n'azaala Bowaazi mu Lakabu; Bowaazi n'azaala Obedi mu Luusi; Obedi n'azaala Yese;
- 6 Yese n'azaala Dawudi kabaka. Dawudi n'azaala Sulemaani mu muka Uliya;
- 7 Sulemaani n'azaala Lekobowaamu; Lekobowaamu n'azaala Abiya; Abiya n'azaala Asa;
- 8 Asa n'azaala Yekosafaati; Yekosafaati n'azaala Yolaamu; Yolaamu n'azaala Uzziya;
- 9 Uzziya n'azaala Yosamu; Yosamu n'azaala Akazi; Akazi n'azaala Kezeekiya;
- 10 Kezeekiya n'azaala Manaase; Manaase n'azaala Amoni; Amoni n'azaala Yosiya;
- 11 Yosiya n'azaala Yekoniya ne baganda be, mu biro eby'okutwalibwa e Babulooni.
- 12 Oluvannyuma olw'okutwalibwa e Babulooni, Yekoniya n'azaala Seyalutyeri; Seyalutyeri n'azaala Zerubbaberi;
- 13 Zerubbaberi n'azaala Abiwuudi; Abiwuudi n'azaala Eriyakimu; Eriyakimu n'azaala Azoli;
- 14 Azoli n'azaala Sadoki; Sadoki n'azaala Akimu; Akimu n'azaala Eriwuudi;
- 15 Eriwuudi n'azaala Ereyazaali; Ereyazaali n'azaala Mataani; Mataani n'azaala Yakobo;

- 16 Yakobo n'azaala Yusufu, eyali bba Malyamu, eyazaala Yesu ayitibwa Kristo.
- 17 Bwe gityo emirembe gyonna, okuva ku Ibulayimu okutuuka ku Dawudi, emirembe kkumi n'ena; nate, okuva ku Dawudi okutuuka ku kutwalibwa e Babulooni, emirembe kkumi n'ena; nate, okuva ku kutwalibwa e Babulooni okutuuka ku Kristo, emirembe kkumi n'ena.
- 18 N'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti. Malyamu nnyina bwe yali ng'akyayogerezebwa Yusufu, baali nga tebannaba kufumbiriganwa, n'alabika ng'ali lubuto olw'Omwoyo Omutukuvu.
- 19 Awo Yusufu bba, kubanga yali muntu mutuukirivu, n'atayagala kumukwasa nsonyi, yali alowooza okumulekayo kyama.
- 20 Laba bwe yali alowooza bw'atyo, malayika wa Mukama n'ajja gy'ali mu kirooto, n'amugamba nti Yusufu omwana wa Dawudi, totya kutwala Malyamu mukazi wo, kubanga olubuto lwe lwa Mwoyo Mutukuvu.
- 21 Naye alizaala omwana wa bulenzi; naawe olimutuuma erinnya lye YESU; kubanga ye ye alirokola abantu be mu bibi byabwe.
- 22 Ebyo byonna byakolebwa, bituukirire Mukama bye yayogerera mu nnabbi, ng'agamba nti,
- 23 Laba, omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, era alizaala omwana wa bulenzi, Balimutuuma erinnya lye Emmanweri; eritegeezebwa nti Katonda ali naffe.
- 24 Yusufu bwe yazuukuka mu tulo, n'akola nga malayika wa Mukama bwe yamulagira, n'atwala mukazi we,
- 25 so teyamumanya okutuusa lwe yamala okuzaala omwana: n'amutuuma erinnya lye

YESU.

Essuula 2

- 1 Awo Yesu bwe yazaalibwa mu Besirekemu eky'e Buyudaaya ku mirembe gya Kerode kabaka, laba, abagezigezi abaava ebuwanjuba ne bajja e Yerusaalemi,
- 2 nga bagamba nti Ali ludda wa oyo eyazaalibwa Kabaka w'Abayudaaya? Kubanga twalaba emmunyeenye ebuwanjuba, ne tujja okumusinja.
- 3 Kerode kabaka bwe yawulira ne yeeraliikirira, era n'ab'e Yerusaalemi bonna.
- 4 N'akuanya bakabona abakulu bonna, n'abawandiisi ab'abantu, n'ababuuzza nti Kristo alizaalibwa wa?
- 5 Nabo ne bamugamba nti Mu Besirekemu eky'e Buyudaaya: kubanga bwe kyawandiiki-
ibwa nnabbi bwe kityo nti
- 6 Naawe Besirekemu, ensi ya Yuda, Toli mutono mu balangira ba Yuda: Kubanga afuga aliva mu ggwe, Alirunda abantu bange Isiraeri.
- 7 Awo Kerode n'ayita abagezigezi kyama, n'ababuuliriza nnyo ebiro emmunyeenye bye yaakamala okulabika.
- 8 N'abasindika e Besirekemu, n'abagamba nti Mugende munoonye nnyo, mulabe omwana bw'afaanana; naye bwe mumulabanga, ne mujja mumbuulira nange ndyoke njije mmusinze.
- 9 Bwe baawulira kabaka, ne bagenda; laba emmunyeenye eyo, gye baalabira ebuwan-
juba, n'ebakulemba, n'eja n'eyimirira waggulu omwana w'ali.
- 10 Bwe baalaba emmunyeenye, ne basanyuka essaayu lingi nnyo.
- 11 Ne bayingira mu nnyumba, ne balaba omwana ne Malyamu nnyina; ne bavuunama, ne basinza omwana; ne basumulula ensawo zaabwe, ne bamutonera ebirabo bya zaabu, n'obubaane, n'omugavu.
- 12 Katonda bwe yabalabulira mu kirooto baleme okuddayo eri Kerode ne baddayo ewaabwe mu kkubo eddala.
- 13 Laba, bwe baamala okugenda malayika wa Mukama n'alabikira Yusufu mu kirooto, ng'amugamba nti Golokoka, otwale omwana ne nnyina, oddukire e Misiri obeere eyo okutuusa nze lwe ndikugamba; kubanga Kerode ajja okunoonya omwana okumutta.
- 14 Naye n'azuukuka n'atwala omwana ne nnyina ekiro n'agenda e Misiri;
- 15 n'abeera eyo okutuusa Kerode bwe yafa; ekigambo kituukirire Mukama kye yayogera mu nnabbi, ng'agamba nti Nnayita omwana wange okuva mu Misiri.
- 16 Awo Kerode, bwe yalaba ng'abalaguzi baamuduulira n'asunguwala nnyo, n'atuma okutta abaana ab'obulenzi bonna abaali e Besirekemu ne ku nsalo zaakyo zonna, abaakamala emyaka ebiri n'abatannaba kutuusa egyo, ng'ebiro bye yabuulirizaamu ennyo abalaguzi bwe byali.
- 17 Awo ekigambo nnabbi Yeremiya kye yayogera ne kiriyoka kituukirira, bwe yagamba nti
- 18 Eddoboozi lyawulirwa mu Laama, Okukaaba n'okukuba ebiwoobe ebingi, Laakeeri ng'akaabira abaana be; So teyayagala kukubagizibwa, kubanga tewakyali.
- 19 Naye Kerode bwe yamala okufa, laba, malayika wa Mukama n'alabikira Yusufu mu kirooto e Misiri,
- 20 ng'agamba nti Golokoka, otwale omwana ne nnyina, ogende mu nsi ya Isiraeri: kubanga abaali banoonya omwana okumutta bafudde.
- 21 N'agolokoka, n'atwala omwana ne nayina, n'ajja mu nsi ya Isiraeri.
- 22 Naye bwe yawulira nti Alukerawo ye kabaka w'e Buyudaaya ng'asikidde kitaawe Kerode, n'atya okuddayo. Naye Katonda bwe yamulabulira mu kirooto, ne yeekooloobya, n'ayita ku luuyi lwe Ggaliraaya,

- 23 n'ajja n'abeera mu kyallo, erinnya lyakyo Nazaaleesi: ekigambo bannabbi kye baayogera kituukirire, nti Aliyitibwa Munazaalaayo.

Essuula 3

- 1 Mu nnaku ezo, Yokaana Omubatiza n'ajja ng'abuulirira mu ddungu ery'e Buyudaaya,
- 2 ng'agamba nti Mwenenye; kubanga obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka.
- 3 Kubanga oyo nnabbi Isaaya gwe yayogerako, ng'agamba nti Eddoboozi ly'oyo ayo-gerera waggulu mu ddungu nti Mulongoose oluguudo lwa Mukama, Muluamye amakubo ge.
- 4 Naye Yokaana oyo yayambalanga engoye ez'ebyoya by'eamira, nga yeesiba olukoba olw'eddiba mu kiwato; n'emmere ye yali nzige na mubisi gw'enjuki ez'omu nsiko.
- 5 Awo ne bava e Yerusalemi ne mu Buyudaaya wonna, n'ensi yonna eriraanye Yoludaani, ne bajja gy'ali;
- 6 n'abatiza mu mugga Yoludaani, nga baatula ebibi byabwe.
- 7 Naye Lwe yalaba Abafalisaayo abangi n'Abasaddukaayo abangi nga bajjirira okubatiza kwe n'abagamba nti Mmwe abaana b'emisota, ani eyabalabula okudduka obusungu obugenda okujja?
- 8 Mubale ebibala ebisaanidde okwenenya;
- 9 temulwooza kwogera mu mitima nti Tulina Ibulayimu ye jjajjaffe: kubanga mbagamba nti Katonda ayinza mu mayinja gano okugafuuliramu Ibulayimu abaana.
- 10 Naye kaakano embazzi eteekeddwa ku kikolo ky'emiti: buli muti ogutabala bibala birungi gunaatembwa, gunaasuulibwa mu muliro.
- 11 Nze mbabatiza na mazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro.
- 12 Olugali lwe luli mu mukono gwe, naye alirongoosa nnyo egguuliro lye; alikuaanyiza eaano mu ggwanika, naye ebisusunku alibiyokya n'omuliro ogutazikira.
- 13 Awo Yesu n'ava e Ggaliraaya, n'atuuka ku Yoludaani eri Yokaana, amubatize.
- 14 Naye Yokaana yali ayagala okumugaana, ng'agamba nti Nze nneetaaga ggwe okumbatiza, naawe ojja gye ndi?
- 15 Naye Yesu n'addamu n'amugamba nti Kkiriza kaakano: kubanga kitugwanira bwe tutyo okntuukiriza obutuukirivu bwonna. N'alyoka amukkiriza.
- 16 Awo Yesu, bwe yamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi: laba, eggulu ne limubikkukira, n'alaba Omwoyo gwa Katonda ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye;
- 17 laba, eddoboozi ne liyima mu ggulu, nga ligamba nti Oyo ye Mwana wange, gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.

Essuula 4

- 1 Awo Yesu n'atwalibwa Omwoyo mu ddungu okukembwa Setaani.
- 2 Bwe yamala okusiiba ennaku amakumi ana, emisana n'ekiro, enjala n'eryoka emuluma.
- 3 Omukemi n'ajja n'amugamba nti Oba oli Mwana wa Katonda, gamba amayinja gano gafuuke emmere.
- 4 Naye n'addamu n'agamba nti Kyawandiikibwa nti Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.
- 5 Awo Setaani n'amutwala ku kibuga ekitukuvu n'amuteeka ku kitikkiro kya yeekaalu,
- 6 n'amugamba nti Oba oli Mwana wa Katonda, buuka ogwe wansi: kubanga kyawandiikibwa nti Alikulagiririza bamalayika be: Mu mikono gyabwe balikuwanirira, Oleme

okwesittala ekigere kyo ku jjinja.

- 7 Yesu n'amugamba nti Kyawandiikibwa nate nti Tokemanga Mukama Katonda wo.
- 8 Ate Setaani n'amutwala ku lusozi oluwanvu ennyo, n'amulaga ensi za bakabaka bonna abali mu nsi, n'ekitiibwa kyazo;
- 9 n'amugamba nti Ebyo byonna naabikuwa bw'onoovuunama okunsinza.
- 10 Awo Yesu n'amugamba nti Vaawo genda, Setaani: kubanga kyawandiikibwa nti Osinzanga Mukama Katonda wo; era omuweerezanga yekka.
- 11 Awo Setaani n'amuleka; laba, bamalayika ne bajja, ne bamuweereza.
- 12 Awo bwe yawulira nga Yokaana bamuwaddeyo, n'addayo e Ggaliraaya;
- 13 ng'avudde e Nazaaleesi, n'ajja, n'abeera e Kaperunawumu, ekiri ku nnyanja, mu nsi ya Zebbulooni ne Nafutaali:
- 14 ekigambo kituukirire nnabbi Isaaya kye yayogera, ng'agamba nti
- 15 Ensi ya Zebbulooni n'ensi ya Nafutaali, Ekkubo ly'ennyanja, emitala wa Yoludaani, e Ggaliraaya ey'amawanga.
- 16 Abantu abaali batuula mu kizikiza, Baalaba omusana mungi, N'abo abaali batuula mu nsi y'okufa ne mu kisiikirize kyakwo, Omusana gwabaakira.
- 17 Yesu n'asookera awo okubuulira n'okugamba nti Mwenenye; kubanga okwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka.
- 18 Bwe yali ng'atambula ku ttale ly'ennyanja y'e Ggaliraaya, n'alaba ab'oluganda babiri, Simooni gwe bayita Peetero, ne Andereya muganda we, nga basuula omugonjo mu nnyanja, kubanga baali bavubi.
- 19 N'abagamba nti Mujje, muyite nange, nange ndibafuula abavubi b'abantu.
- 20 Amangu ago ne baleka emigonjo, ne bayita naye:
- 21 N'atambulako mu maaso n'alaba ab'oluganda babiri abalala, Yakobo omwana wa Zebedaayo, ne Yokaana muganda we, nga bali mu lyato wamu ne kitaabwe Zebeedaayo, nga bayunga emigonjo gyabwe; n'abayita.
- 22 Amangu ago ne baleka awo eryato ne kitaabwe, ne bagenda naye.
- 23 Yesu n'abuna Ggaliraaya yonna, ng'abayigiririza mu makuaanero gaabwe, era ng'abulira enjiri ey'obwakabaka, era ng'awonya endwadde zonna n'obunafu bwonna mu bantu.
- 24 Ebigambo bye ne bibuna Obusuuli bwonna: ne bamuleetera bonna abaali balwadde, abaali bakwatiddwa endwadde ezitali zimu, n'ebibonyoobonyo, n'ab'emizimu; n'ab'ensimbu, n'abaali bakoozimbye; n'abawonya.
- 25 Ebibiina bingi, nga bava e Ggaliraaya n'e Dekapoli n'e Yerusaalemi n'e Buyudaaya n'emitala wa Yoludaani ne bayita naye.

Essuula 5

- 1 Bwe yalaba ebibiina, n'alinnya ku lusozi: n'atuula wansi, abayigirizwa be ne bajja gy'ali.
- 2 n'ayasamya akamwa ke, n'abayigiriza ng'agamba nti
- 3 Balina omukisa abaavu mu mwoyo: kubanga abo obwakabaka abw'omu ggulu bwe bwabwe.
- 4 Balina omukisa abali mu nnaku: kubanga abo balisanyusibwa.
- 5 Balina omukisa abateefu: kubanga abo balisikira ensi.
- 6 Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu: kubanga abo balikkusibwa.
- 7 Balina omukisa ab'ekisa: kubanga abo balikwatirwa ekisa.
- 8 Balina omukisa abalina omutima omulongoofu: kubanga abo baliraba Katonda.
- 9 Balina omukisa abatabaganya: kubanga abo baliyitibwa baana ba Katonda.

- 10 Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu: kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe.
- 11 Mmwe mulina omukisa bwe banaabavumanga, bwe banaabayigganyanga, bwe banaabawaayiranga buli kigambo kibi, okubavunaanya nze.
- 12 Musanyuke, mujaguze nnyo: kubanga empeera yammwe nnyingi mu ggulu: kubanga bwe batyo bwe baayigganya bannabbi abaasooka mmwe.
- 13 Mmwe muli munnyo gwa nsi; naye omunnyo bwe guggwaamu ensa, balirungamu munnyo nnabaki? Tegukyasaana nate, wabula okusuulibwa ebweru, abantu okugulinnyirira.
- 14 Mmwe muli musana gwa nsi. Ekibuga bwe kikubibwa ku lusozi, tekiyinzika kukisibwa.
- 15 So tebakoleeza ttabaaza okugivuunikira mu kibbo; wabula okugiteeka waggulu ku kikondo kyayo; nayo ebaakira bonna abali mu nju.
- 16 Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu.
- 17 Temulowoozanga nti najja okudibya amateeka oba ebya bannabbi: saja kudibya, wabula okutuukiriza.
- 18 Kubanga mbagamba mazima nti Eggulu n'ensi okutuusa lwe biriggwaawo, ennukuta emu newakudde akatonnyeze akamu ak'omu Mateeka tekaliggwaawo, Okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira.
- 19 Kale buli anaadibyangana erimu ku mateeka ago wadde erisinga obutono era anaayigirizanga abantu bw'atyo, aliyitibwa mutono mu bwakabaka obw'omu ggulu: naye buli anaagakwatanga era anaagayigirizanga, oyo aliyitibwa mukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu.
- 20 Kubanga mbagamba nti obutuukirivu bwammwe bwe butaasingenga butuukiruvu bwa bawandiisi n'Abafalisaayo, temuliyingira n'akatono mu bwakabaka obw'omu ggulu.
- 21 Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti Tottanga naye omuntu bw'anattanga, anazzanga omusango:
- 22 naye nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, alizza omusango; naye anaagambanga muganda we nti Laka, asaanidde okutwalibwamu lukiiko, naye anaagambanga nti Musirusiru, asaanidde okusuulibwa mu Ggeyeena ey'omuliro.
- 23 Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'oyima eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo,
- 24 leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo.
- 25 Yagalananga mangu n'oyo akuwawaabira ng'okyali naye mu kkubo; akuwawaabira alemenga okukutwala eri katikkiro, so ne katikkiro alemenga okukuwa omumbowa, era olemenga okuteekebwa mu kkomera.
- 26 Mazima nkugamba nti Tolivaamu, okutuusa lw'olimala okukomekkereza n'eppeesa erimu.
- 27 Mwawulira bwe baagambibwa nti Toyendanga:
- 28 naye nange mbagamba nti buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, ng'amaze okumwendako mu mutima gwe.
- 29 Oba ng'eriiso lyo erya ddyo likwesittaza liggyeemu, lisuule wala: kubanga kye kisinga obulungi ekitundu kyo ekimu kizikirire, omubiri gwo gwonna guleme okusuulibwa mu Ggeyeena.
- 30 Era oba ng'omukono gwo ogwa ddyo gukwesittaza, gutemeko, gusuule wala kubanga kye kisinga obulungi ekitundu kyo ekimu kizikirire, omubiri gwo gwonna guleme okugenda mu Ggeyeena.
- 31 Baagambibwa nate nti Omuntu bw'agobanga mukazi we, amuwanga ebbaluwa

ey'okumugoba:

- 32 naye nange mbagamba nti buli muntu agobanga mukazi we, wabula ogw'obwenzi ng'amwenzezza: n'oyo awasanga gwe baagoba, ng'ayenze.
- 33 Mwawulira ate ab'edda bwe baagambibwa nti Tolayiranga bya bulimba, naye otuukiririzanga Mukama by'olayira:
- 34 naye nange mbagamba nti Tolayiranga n'akatono, newakubadde eggulu, kubanga ye ntebe ya Katonda;
- 35 newakubadde ensi, kubanga ye gy'ateekako ebigere bye; newakubadde Yerusaalemi, kubanga kye kibuga kya Kabaka omukulu.
- 36 So tolayiranga mutwe gwo, kubanga toyinza kufuula luviri lumu oba lweru oba oluddugavu.
- 37 Naye ebigambo byammwe bibeerenga nti Weewaawo, weewaawo; si weewaawo, si weewaawo: naye ebisinga ebyo biva mu mubi.
- 38 Mwawulira bwe baagambibwa nti Eriiso ligattwenga eriiso, n'erinnyo ligattwenga erinnyo:
- 39 naye nange mbagamba nti Temuziyizanga mubi: naye omuntu bw'akukubanga oluba olwa ddyo, omukyukiranga n'olwa kkono.
- 40 Omuntu bw'ayagalanga okuwoza naawe okutwala ekkanzu yo, omulekeranga n'ekizibawo kyo.
- 41 Omuntu bw'akuwalirizanga okutambula naye mairo emu, tambulanga naye n'ey'okubiri.
- 42 Akusabanga omuwanga; omuntu bw'ayagalanga okumuwola, tomukubanga mabega.
- 43 Mwawulira bwe baagambibwa nti Oyagalanga munno, okyawanga omulabe wo:
- 44 naye nange mbagamba nti Mwagalanga abalabe bammwe, musabirenga ababayiganya;
- 45 mulyoke mubeerenga abaana ba Kitammwe ali mu ggulu: kubanga enjuba ye agyakiza ababi n'abalungi, abatonnyeseza enkuba abatuukirivu n'abatali batuukirivu.
- 46 Kubanga bwe munaayagalanga ababaagala, mulina mpeera ki? n'abawooza tebakola bwe batyo?
- 47 Bwe munaalamusanga baganda bammwe bokka, munaabasinzangawo ki? N'ab'amawanga tebakola bwe batyo?
- 48 Kale mmwe mubeerenga abatuukirivu, nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali omutuukirivu.

Essuula 6

- 1 Mwekuume obutakoleranga bigambo byammwe eby'obutuukirivu mu maaso g'abantu, era babalabe: kubanga bwe munaakolanga bwe mutyo temuuweebwenga mpeera eri Kitammwe ali mu ggulu.
- 2 Kale, bw'ogabiranga abaavu, teweeuuuyiranga ombe mu maaso go, nga bannanfuusi bwe bakola mu makuaanero ne mu nguudo, abantu babawe ekitiibwa. Mazima mbagamba nti Bamaze okuweebwa empeera yaabwe.
- 3 Naye ggwe, bw'ogabiranga abaavu, omukono gwo ogwa kkono gulemenga okumanya ogwa ddyo bye gukola:
- 4 okugaba kwo kubeerenga kwa kyama: kale Kitaawo alaba mu kyama alikuwa empeera.
- 5 Era bwe musabanga, temubanga nga bannanfuusi: kubanga baagala okusaba nga bayimiridde mu makuaanero ne ku mabbali g'enguudo, era abantu babalabe. Mazima mbagamba nti Bamaze abo okuweebwa empeera yaabwe.
- 6 Naye ggwe bw'osabanga yingiranga mu kisenge munda, omalenga okuggalawo oluggi

olyoke osabe Kitaawo ali mu kyama, kale Kitaawo alaba mu kyama, alikuwa empeera.

- 7 Nammwe bwe musabanga, temuddiananga mu bigambo, ng'ab'amawanga bwe bakola: kubanga balowooza nga banaawulirwa olw'ebigambo byabwe ebingi.
- 8 Kale, temufaanana nga bo: kubanga Kitammwe amanyi bye mwetaaga nga temunnaba kumusaba.
- 9 Kale, musabanga bwe muti, nti, Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo litukuzibwe.
- 10 Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu.
- 11 Otuwe leero emmere yaffe eya leero.
- 12 Otusonyiwe amabanja gaffe, nga naffe bwe tusonyiye abatwewolako.
- 13 Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri omubi. Kubanga obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa, bibyo, emirembe n'emirembe, Amiina.
- 14 Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoona byabwe, Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe.
- 15 Naye bwe mutaasonyiwanga bantu ebyonoona byabwe, ne Kitammwe taasonyiwanga byonoona byammwe.
- 16 Nate bwe musiibanga, temubeeranga nga bannanfuusi, abalina amaaso ag'ennaku: kubanga beeyonoona amaaso gaabwe, era abantu babalabe nga basiiba. Mazima mbagamba nti Bamaze okuweebwa empeera yaabwe.
- 17 Naye ggwe bw'osiibanga, osaabanga amafuta ku mutwe, onaabanga ne mu maaso;
- 18 abantu balemenga okulaba ng'osiiba, wabula Kitaawo ali mu kyama: kale Kitaawo alaba mu kyama alikuwa empeera.
- 19 Temweterekeranga bintu ku nsi kwe byonoonekera n'ennyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe basimira ne babba:
- 20 naye mweterekeranga ebintu mu ggulu, gye bitayonoonekera n'ennyenje newakubadde obutalagge, so n'ababbi gye batasimira; so gye batabbira:
- 21 kubanga ebintu byo we bibeera, omutima gwo nagwo gye gubeera.
- 22 Ettabaaza y'omubiri lye liiso: eriiso lyo bwe liraba awamu, omubiri gwo gwonna gunaabanga n'okutangaala.
- 23 Naye eriiso lyo bwe liba ebbi, omubiri gwo gwonna gunaabanga n'ekizikiza. Kale okutangaala okuli munda mu ggwe bwe kubeera ekizikiza, ekizikiza ekyo kyenkana wa obunene!
- 24 Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri: kuba oba anaakyawanga omu, n'ayagalanga omulala; oba anaanywereranga ku omu, n'anyoomanga omulala. Temuyinza kuweereza Katonda ne mamona.
- 25 Kyenya mbagamba nti Temweraliikiriranga bulamu bwammwe, nti mulirya ki; mulinywa ki; newakubaade omubiri gwammwe, nti mulyambala ki. Obulamu tebukira mmere; n'omubiri tegukira byakwambala?
- 26 Mulabe ennyonyi ez'omu bbanga, nga tezisiga, so tezitungula, tezikuanyiza mu mawanika; era Kitammwe ali mu ggulu aziriisa ezo. Mmwe temusinga nnyo ezo?
- 27 Ani mu mmwe bwe yeeraliikirira, ayinza okweyongerako ku bukulu bwe n'akaseera akamu?
- 28 Naye ekibeeraliikiriza ki eby'okwambala? Mutunuulire amalanga ag'omu ttale, bwe gamera; tegakola mulimu, so tegalanga lugoye:
- 29 naye mbagamba nti ne Sulemaani mu kitiibwa kye kyonna, teyayambalanga ng'erimu ku go.
- 30 Naye Katonda bw'ayambaza bw'atyo omuddo ogw'omu ttale, oguliwo leero, ne jjo bagusuula mu kyoto, talisinga nnyo okwambaza mmwe, abalina okukkiriza okutono?
- 31 Kale temweraliikiriranga nga mwogera nti Tulirya ki? oba tulinywa ki? oba tulyambala ki?

- 32 Kubanga ebyo byonna amawanga bye ganoonya; kubanga Kitammwe ali mu ggulu amanyi nga mwetaaga ebyo byonna.
- 33 Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako.
- 34 Kale temweraliikiriranga bya jjo: kubanga olunaku olwa jjo lulyeraliikirira ebyalwo. Olunaku olumu ekibi kyalwo kirumala.

Essuula 7

- 1 Temusalanga musango, muleme okusalirwa.
- 2 Kubanga omusango gwe musala gulibasalirwa nammwe: era ekigera kye mugereramu, ekyo kye muligererwa nammwe.
- 3 Ekikutunuuliza ki akantu akali ku liiso lya muganda wo, naye notofaayo ku njaliiro eri ku liiso lyo ggwe?
- 4 Oba olimugamba otya muganda wo nti Leka nkuggyeko akantu akali ku liiso lyo; naye laba, enjaliiro ekyali ku liiso lyo ggwe?
- 5 Munnanfuusi ggwe, sooka oggyeko enjaliiro ku liiso lyo ggwe; olyoke olabe bulungi okuggyako akantu ku liiso lya muganda wo.
- 6 Temuwanga mbwa ekintu ekitukuvu, so temusuulanga luulu zammwe mu maaso ga mbizzi, zireme okuzirinyirira n'ebigere byazo, ne zikyuka okubaluma.
- 7 Musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo:
- 8 kubanga buli muntu asaba aweebwa; anoonya alaba; eyeeyanjula aliggulirwawo.
- 9 Oba muntu ki mu mmwe, omwana we bw'alimusaba emmere, alimuwa ejjinja;
- 10 oba bw'alisaba ekyennyanja, alimuwa omusota?
- 11 Kale mmwe, ababi, nga bwe mumanyi okuwa abaana bammwe ebintu ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisinga nnyo okubawa ebirungi abamusaba?
- 12 Kale byonna bye mwagala abantu okubakolanga mmwe, nammwe mubakolenga bo bwe mutyo: kubanga ekyo ge mateeka ne bannabbi.
- 13 Musingire mu mulyango omufunda: kubanga omulyango mugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayitamuna bangi.
- 14 Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono.
- 15 Mwekuume bannabbi ab'obulimba, abajjira mu byambalo by'endiga gye muli, naye munda gy'emisege egisikula.
- 16 Mulibategeerera ku bibala byabwe. Abantu banoga batya ezabbibu ku busaana, oba ettiini ku mwennyango?
- 17 Bwe kityo buli muti omulungi gubala ebibala birungi; naye omuti omubi gubala ebibala bibi.
- 18 Omuti omulungi teguyinza kubala bibala bibi, so n'omuti omubi teguyinza kubala bibala birungi.
- 19 Buli muti ogutabala kibala kirungi bagutema bagusuula mu muliro.
- 20 Kale mulibategeerera ku bibala byabwe.
- 21 Buli muntu aamba nti Mukama wange, Mukama wange, si ye aliyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala.
- 22 Bangi abalimba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo?
- 23 Ne ndyoka mbaatulira nti Sibamanyangako mmwe: muve we ndi mwenna abakola eby'obujeemu.
- 24 Buli muntu awulira ebigambo byange ebyo, n'amala abikola, kyaliva afaananyizibwa

n'omusajja ow'amagezi eyazimba enju ye ku lwazi:

- 25 enkuba n'etonnya, mukoka n'akulukuta, kibuyaga n'akunta; ne bikuba enju eyo; so n'etegwa; kubanga yazimbibwa ku lwazi.
- 26 Na buli muntu awulira ebigambo byange ebyo n'atabikola, alifaananyizibwa n'omusajja atalina magezi, eyazimba enju ye ku musenyu:
- 27 enkuba n'etonnya; mukoka n'akulukuta, kibuyaga n'akunta; ne bikuba enju eyo; n'egwa: n'okugwa kwayo kwali kunene.
- 28 Awo olwatuuka Yesu bwe yamala ebigambo ebyo, ebibiina ne byewuunya okuyigiriza kwe:
- 29 kubanga yabayigiriza nga nannyini buyinza, so si ng'abawandiisi baabwe.

Essuula 8

- 1 Bwe yava ku lusozi, ebibiina bingi ne bimugoberera.
- 2 Kale, laba, omugenge n'amusemberera n'amusinza, n'agamba nti Mukama wange, bw'oyagala, oyinza okunnongoosa.
- 3 N'agolola omukono, n'amukwatako, ng'agamba nti Njagala; longooka. Amangu ago ebigenge bye ne birongooka.
- 4 Yesu n'amugamba nti Laba tobuulirako muntu; naye ddayo weerage eri kabona, omutwalire ekitone Musa kye yalagira, kibeere omujulirwa gye bali.
- 5 Bwe yayingira mu Kaperunawumu, omwami w'ekitongole Omuruumi n'ajja gy'ali, n'amwegayirira,
- 6 ng'agamba nti Mukama wange, mulenzi wange agalamidde mu nnyumba akoozimbye, abonaabona kitalo.
- 7 N'amugamba nti Najja ne mmuwonya.
- 8 Omwami w'ekitongole Omuruumi n'addamu n'agamba nti Mukama wange, sisanira ggwe okuyingira wansi w'akasolya kange: naye yogera kigambo bugambo, mulenzi wange anaawona.
- 9 Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nga nnina baserikale be ntwala: bwe amba oyo nti Genda, agenda: n'omulala nti Jjangu, ajja; n'omuuddu wange nti Kola oti, bw'akola.
- 10 Naye Yesu bwe yawulira, ne yeewuunya, n'agamba abaayita naye nti Ddala mbagamba nti Sinnalaba kukkiriza kunene nga kuno, newakubadde mu Isiraeri.
- 11 Nange mbagamba nti Bangi abaliva ebuwanjuba n'ebugwanjuba, abalituula awamu ne Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo, mu bwakabaka obw'omu ggulu:
- 12 naye abaana b'obwakabaka baligoberwa mu kizikiza eky'ebweru: ye eriba okukaaba n'okuluma obujiji.
- 13 Yesu n'agamba omwami w'ekitongole Omuruumi nti Kale genda; nga bw'okkirizza, kibeere gy'oli bwe kityo. Omulenzi n'awonera mu kiseera ekyo.
- 14 Yesu bwe yayingira mu nnyumba ya Peetero, n'alaba nnyina mukazi we ng'agalamidde alwadde omusujja.
- 15 N'amukwata ku mukono, omusujja ne gumuwonako; n'agolokoka, n'amuweereza.
- 16 Obudde bwali buwungedde; ne bamuleetera bangi abakwatiddwa dayimooni: n'agoba dayimooni n'ekigambo n'awonya bonna abaali balwadde:
- 17 ekigambo kituukirire ekyayogerwa nnabbi Isaaya, ng'agamba nti Ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe.
- 18 Awo Yesu bwe yalaba ebibiina bingi nga bimwetoolodde, n'alagira nti Tuwunguke tugende emitala w'eri.
- 19 Omuwandiisi omu n'ajja; n'amugamba nti Omuyigiriza, nnaayitanga naawe buli gy'onoogendanga yonna.

- 20 Yesu n'amugamba nti Ebibe birina obunnya, n'ennyonyi ez'omu bbanga zirina ebisu; naye Omwana w'omuntu talina w'assa mutwe gwe.
- 21 Omuyigirizwa we omulala n'amugamba nti Mukama wange, sooka ondeke ende nziike kitange.
- 22 Naye Yesu n'amugamba nti Yita nange; leka abafu baziike abafu baabwe.
- 23 N'asaabala, abayigirizwa ne bagenda naye.
- 24 Omuyaga mungi ne gujja mu nnyanja, amayengo ne gayiika mu lyato: naye yali yeebase.
- 25 Ne bajja gy'ali ne bamuzuukusa, nga bagamba nti, Mukama waffe, tulokole; tufa.
- 26 N'abagamba nti Kiki ekibatiisa, abalina okukkiriza okutono? N'alyoka agolokoka, n'akoma ku mpewo n'ennyanja; n'eteeka nnyo.
- 27 Abantu ne beewuunya, nga bagamba nti Muntu ki ono, empewo n'ennyanja okumuwulira?
- 28 Naye bwe yatuuka emitala w'eri mu nsi y'Abagadalen, ne bamusisinkana abantu babiri abaaliko dayimooni, nga bava mu ntaana, bakambwe nnyo, nga tewali na muntu ayinza okuyita mu kkubo eryo.
- 29 Laba, ne boogerera waggulu ne bagamba nti otuvunaana ki, Omwana wa Katonda? ozze wano kutubonyaabonya ng'entuuko zaffe tezinnaba kutuuka?
- 30 Waaliwo walako ne we baali ekisibo ky'embizzi nnyingi nga zirya.
- 31 Dayimooni ne gimwegayirira ne gigamba nti Bw'onootugoba, tusindike mu kisibo ky'embizzi.
- 32 N'agigamba nti Mugende. Ne gibavaako, ne gigenda mu mbizzi : kale, laba, ekisibo kyonna ne kifubutuka ne kiserengetera ku bbangabanga mu nnyanja, ne zifiira mu mazzi.
- 33 N'abaali bazirunda ne badduka, ne bagenda mu kibuga, ne bababuulira byonna n'ebigambo by'ababaddeko dayimooni.
- 34 Laba, ekyalo kyonna ne kijja okusisinkana Yesu: bwe baamulaba, ne bamwegayirira okuva mu nsalo zaabwe.

Essuula 9

- 1 N'asaabala, n'awunguka, n'atuuka mu kibuga ky'ewaabwe.
- 2 Awo ne bamuleetera omulwadde akoozimbye, ng'agalamizibbwa ku kitanda: naye Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe, n'agamba oyo akoozimbye nti Mwana wange, guma omwoyo, ebibi byo bikuggiddwako.
- 3 Kale, laba, abawandiisi abalala ne boogera mu myoyo nti Ono avvoola Katonda.
- 4 Naye Yesu bwe yamanya ebirowoozo byabwe, n'agamba nti Kiki ekibalowoozesa obubi mu mitima gyammwe?
- 5 Kubanga ekyangu kiruwa okugamba nti Ebibi byo bikuggiddwako, oba okugamba nti Golokoka otambule?
- 6 Naye mutegeere ng'Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi n'agamba oyo akoozimbye nti Yimirira, ositule ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo.
- 7 N'agolokoka, n'agenda ewuwe.
- 8 Naye ebibiina bwe byalaba ne bitya, ne bigulumiza Katonda, eyawa abantu obuyinza obwenkanidde awo.
- 9 Yesu bwe yavaayo n'alaba omuntu, ayitibwa Matayo, ng'atudde mu ggwoolezo: n'amugamba nti Yita nange. N'agolokoka, n'ayita naye.
- 10 Awo olwatuuka bwe yali ng'atudde mu nju ng'alya, laba, ne wajja abawooza bangi, n'abantu ababi bangi, ne batuula wamu ne Yesu n'abayigirizwa be.

- 11 Abafalisaayo bwe baalaba, ne bagamba abayigirizwa be nti Omuyigiriza wammwe kiki ekimuliisa n'abawooza n'abantu ababi?
- 12 Naye bwe yawulira, n'agamba nti Abalamu tebeetaaga musawo, wabula abalwadde.
- 13 Naye mugende muyige amakulu g'ekigambo kino nti Njagala kisa, so si ssaddaaka kubanga sajja kuyita batuukirivu, wabula abantu ababi.
- 14 Ne walyoka wajja w'ali abayigirizwa ba Yokaana ne bagamba nti Kiki ekitusiibya ffe n'Abafalisaayo emirundi emingi, naye abayigirizwa bo tebasiiba?
- 15 Yesu n'abagamba nti Abaana ab'omu mbaga ey'obugole bayinza batya okunakuwala awasizza omugole ng'akyali nabo? naye ennaku zigenda okujja awasizza omugole lw'alibaggibwako, ne balyoka basiiba.
- 16 Tewali muntu atunga kiwero ekiggya mu kyambalo ekikadde; kubanga ekyo ekitungibwamu kiyuza ekyambalo, n'ekituli kyeyongerera okugaziwa.
- 17 So tebafuka mwenge musu mu nsawo za maliba enkadde; kubanga bwe bakola bwe batyo, ensawo ez'amaliba ziyulika, n'omwenge guyiika, n'ensawo ez'amaliba zifaafaagana: naye bafuka omwenge omusu mu nsawo ez'amaliba empya, byombi birama.
- 18 Bwe yali ng'aky'abagamba ebigambo ebyo, ne wajja omwami omu, n'amusinza n'agamba nti Muwala wange kaakano afudde: naye jjangu omuteekeko omukono, anaalamuka.
- 19 Yesu n'agolokoka n'amugoberera, n'abayigirizwa be.
- 20 Awo omukazi eyali alwalidde ekikulukuto ky'omusaayi emyaka kkumi n'ebiri, n'ajja ennyuma we, n'akoma ku lukugiro lw'ekyambalo kye:
- 21 kubanga yayogera mu mwoyo gwe nti Bwe nnaakoma obukomi ku kyambalo kye nnaawona.
- 22 Naye Yesu bwe yakyuka n'amulaba, n'agamba nti Mwana wange, guma omwoyo; okukkiriza kwo kukuwonyezza. Omukazi n'awona okuva mu kiseera ekyo.
- 23 Yesu bwe yatuuka mu nju y'omwami oyo, n'alaba abafuuwa endere, n'ekibiina nga bakuba ebiwoobe,
- 24 n'agamba nti Muveewo: kubanga omuwala tafudde, yeebase bwe basi. Ne bamusekerera nnyo.
- 25 Naye ekibiina bwe kyamala okugobebwawo, n'ayingira, n'amukwata ku mukono; omuwala n'agolokoka.
- 26 Ebigambo ebyo ne bibuna mu nsi eri yonna.
- 27 Naye Yesu bwe yavaayo, abazibe b'amaaso babiri ne bamugoberera, nga boogerera waggulu nga bagamba nti Tusaasire, ggwe omwana wa Dawudi.
- 28 Bwe yatuuka mu nju, abazibe b'amaaso ne bajja gy'ali: Yesu n'abagamba nti Mukkirizza nga nnyinza okukola kino? ne bamugamba nti Weewaawo, Mukama waffe.
- 29 N'alyoka akoma ku maaso gaabwe ng'agamba nti Nga bwe mukkirizza kibeere gye muli bwe kityo.
- 30 Amaaso gaabwe ne gazibuka. Yesu n'abakuutira ng'agamba nti Mulabe tewaba muntu amanya.
- 31 Naye ne bafuluma, ne babunya ebigambo bye mu nsi eri yonna.
- 32 Awo bwe baali bafuluma ne bamuleetera kasiru, ng'aliko dayimooni.
- 33 N'agoba dayimooni, kasiru n'ayogera; ebibiina ne byewuunya, ne bigamba nti Edda n'edda tewalabikanga bwe kiti mu Isiraeri.
- 34 Naye Abafalisaayo ne bagamba nti Agoba dayimooni ku bwa mukulu wa dayimooni.
- 35 Yesu n'ayitayita mu bibuga byonna, n'embuga zonna, ng'ayigiriza mu makuaanero gaabwe, ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka, ng'awonya endwadde zonna n'obunafu bwonna.
- 36 Naye bwe yalaba ebibiina, n'abisaasira, kubanga baali bakooye nnyo nga basaasaanye,

ng'endiga ezitalina musumba.

- 37 N'alyoka agamba abayigirizwa be nti Eby'okukungula bye bingi, naye abakozi be batono.
- 38 Kale musabe Omwami w'eby'okukungula, asindike abakozi mu by'okukungula bye.

Essuula 10

- 1 N'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, n'abawa obuyinza ku dayimooni omubi, okumugobanga, n'okuwonyanga endwadde zonna n'obunafu bwonna.
- 2 Abatume abo ekkumi n'ababiri, amannya gaabwe ge gano: eyasooka ye Simooni, ayitibwa Peetero, ne Andereya muganda we; Yakobo omwana wa Zebbedaaayo, ne Yokaana muganda we;
- 3 Firipo, ne Battolomaayo; Tomasi, ne Matayo omuwooza; Yakobo omwana wa Alufaayo, ne Saddayo;
- 4 Simooni Omukananaayo, ne Yuda Isukalyoti, ye yamulyamu olukwe.
- 5 Yesu n'abatuma abo ekkumi n'ababiri n'ababuulirira, ng'agamba nti Temugendanga mu makubo g'ab'amawanga, so temuyingiranga mu bibuga by'Abasamaliya;
- 6 naye waakiri mugende eri endiga ezaabula ez'omu nnyumba ya Isiraeri.
- 7 Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka.
- 8 Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoosenga abagenge, mugobenga dayimooni: mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa.
- 9 Temubeeranga na zaabu, newakubadde effeeza, newakubadde ebikomo mu nkoba zammwe;
- 10 so n'ensawo etambula, newakubadde ekkanzu ebbiri, newakubadde engatto, newakubadde omuggo: kubanga akola emirimu asaanira okuweebwa emmere ye.
- 11 Naye buli kibuga kye munaayingirangamu, oba mbuga, munoonyeengamu omuntu bw'ali asaana; musulanga omwo okutuusa lwe mulivaayo.
- 12 Bwe munaayingiranga mu nju, mugiramusenga.
- 13 Enju bw'esaananga, emirembe gyammwe gijjenga ku yo: naye bw'etasaananga, emirembe gyammwe giddenga gye muli.
- 14 Era omuntu bw'atabasembazanga newakubadde okuwulira ebigambo byammwe bwe muvanga mu nju eyo oba mu kibuga ekyo, mukunkumulanga enfuufu ey'omu bigere byammwe.
- 15 Ddala mbagamba nti ensi ya Sodoma ne Ggomola eriba n'okubonyaabonyezebwa okuligumiikirizika ku lunaku olw'omusango, okukira ekibuga ekyo.
- 16 Laba, nze mbatuma ng'endiga wakati mu misege: kale mubanga n'amagezi ng'emisota, era mubanga ng'amayiba obutaba na bukuusa.
- 17 Naye mwekuumanga abantu: kubanga balibawaayo mu nkiiko, ne mu makuaaniri gaabwe balibakubiramu;
- 18 era mulitwalibwa eri abaamasaza n'eri bakabaka okubalanga nze, okuba obujulirwa eri bo n'ab'amawanga.
- 19 Naye bwe banaawangayo, temweraliikiranga nti Tunaagamba tutya? nti Tunaayo-gera ki? kubanga muliweebwa mu kiseera ekyo bye mulyogera.
- 20 Kubanga si mmwe mwogera, wabula Omwoyo gwa Kitammwe ye ayogerera mu mmwe.
- 21 Ow'oluganda anaawangayo muganda we okufa, ne kitaawe omwana: n'abaana banaa-jeemeranga ababazaala, n'okubassa.
- 22 Munaakyayibwanga abantu bonna okubalanga erinnya lyange: naye alinyiikira okutuuka ku nkomerero, ye alirokoka.

- 23 Bwe babagobanga mu kibuga ekyo, muddukira mu ky'okubiri: kubanga ddala mbagamba nti Temulibunya bibuga bya Isiraeri, okutuusa Omwana w'omuntu lw'ali-jja.
- 24 Omuyigirizwa tasinga amuyigiriza, so n'omuddu tasinga mukama we.
- 25 Kimumala omuyigirizwa okuba ng'amuyigiriza, n'omuddu okuba nga mukama we. Oba nga bayise nannyini nju Beeruzebuli, tebalisinjaawo abo abali mu nju ye?
- 26 Kale temubatyanga: kubanga tewali kigambo ekyabikibwa, ekitalibikkulwa, newakubadde ekyakwekebwa, ekitalimanyibwa.
- 27 Kye mbagambira mu kizikiza, mukyogereranga mu musana: kye muwulira mu kutu, mukibuuliriranga waggulu ku nnyumba.
- 28 So temubatyanga abatta omubiri, naye nga tebayinza kutta bulamu: naye mumutyenga ayinza okuzikiriza obulamu n'omubiri mu Ggeyeena.
- 29 Enkagaluggya ebbiri tebazitundamu ppeesa limu? era tewaliba n'emu ku zo erigwa wansi Kitammwe nga tamanyi:
- 30 era n'enviiri zammwe ez'oku mutwe zaabalibwa zonna.
- 31 Kale temutyanga; mmwe musinga enkagaluggya ennyingi.
- 32 Kale buli muntu yenna alinjatulira mu maaso g'abantu, nange ndimwatulira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu.
- 33 Naye yenna alinneegaanira mu maaso g'abantu, nange ndimwegaanira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu.
- 34 Temulowooza nti najja kuleeta mirembe ku nsi: sajja kuleeta mirembe, wabula ekitala.
- 35 Kubanga najja kwawukanya omwana ne kitaawe, omuwala ne nnyina, omugole ne nyazaala we;
- 36 abalabe b'omuntu banaabanga ba mu nnyumba ye.
- 37 Ayagala kitaawe oba nnyina okubasinza nze, tansaanira; ayagala mutabani oba muwala we okubasinza nze, tansaanira.
- 38 N'oyo atakwata musalaba gwe n'agoberera ennyuma wange, tansaanira.
- 39 Alaba obulamu bwe alibubuza; abuza obulamu bwe ku lwange alibulaba.
- 40 Akkiriza mmwe ng'akkirizza nze, akkiriza nze ng'akkirizza eyantuma.
- 41 Akkiriza nnabbi mu linnya lya nnabbi aliweebwa empeera ya nnabbi; naye akkiriza omutuukirivu mu linnya ly'omutuukirivu aliweebwa empeera y'omutuukirivu.
- 42 Era buli amuwa okunywa omu ku abo abatono ekikompe ky'amazzi amannyogovu kyokka, mu linnya ly'omuyigirizwa, mazima mbagamba nti empeera ye terimubula n'akatono.

Essuula 11

- 1 Awo olwatuuka Yesu bwe yamala okulagira abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, n'avaayo n'agenda okuyigiriza n'okubuulira mu bibuga byabwe.
- 2 Naye Yokaana bwe yawulirira mu kkomera ebikolwa bya Kristo; n'atuma abayigirizwa be,
- 3 okumugamba nti Ggwe wuuyo ajja oba tulindirire mulala?
- 4 Yesu n'addamu n'abagamba nti Muddeeyo mutegeeze Yokaana bye muwulira ne bye mulaba:
- 5 abazibye amaaso balaba, n'abalema batambula, n'abagege balongoosebwa, n'abagavu b'amatu bawulira, n'abafu bazuukizibwa, n'abanaku babuulirwa enjiri.
- 6 Naye yenna alina omukisa atalinesittalako.
- 7 Nabo bwe baagenda, Yesu n'asooka okwogera n'ebibiina ku Yokaana nti Kiki kye nwagenderera mu ddungu okutunuulira? olumuli olunyeenzezebwa n'empewo?

- 8 Naye kiki kye mwagenderera okulaba? omuntu ayambadde ezinekaaneka? Laba, abambala ezinekaaneka baba mu nnyunba za bakabaka.
- 9 Naye kiki ye mwagenderera? okulaba nnabbi? Weewaawo, mbagamba, era asingira ddala nnabbi.
- 10 Oyo ye yawandiikwako nti Laba, ntuma omubaka wange mu maaso go, Alikukulembera alirongoosa ekkubo lyo.
- 11 Ddala mbagamba nti Tevanga nu abo abazaalibwa abakazi omuntu asinga Yokaana Omubatiza: naye omuto mu bwakabaka obw'omu ggulu amusinga ye.
- 12 Okuva ku biro bya Yokaana Omubatiza okuuusa leero obwakabaka obw'omu ggulu buwaguzibwa, n'abawaguza babunyaga lwa maanyi.
- 13 Kubanga bannabbi bonna n'amateeka baalagula okutuusa ku Yokaana.
- 14 Era oba mwagala okukkiriza, oyo ye Eriya agenda okujja.
- 15 Alina amatu ag'okuwulira, awulire.
- 16 Naye nnaafaananya ki emirembe gino? Gifaanana n'abaana abato abatuula mu butale abayita bannaabwe,
- 17 nga bagamba nti Twabafuuyira emirere, so nammwe temwazina; twabakubira ebiwoobe, so temwakaaba.
- 18 Kubanga Yokaana yajja nga talya so nga tanywa, ne boogera nti Aliko dayimooni.
- 19 Omwana w'omuntu yajja ng'alya ng'anywa, ne boogera nti Laba, omuluvu oyo, era omutamiivu, mukwano gw'abawooza era ogw'abalina ebibi! Era amagezi gaweebwa obuuukirivu olw'ebikolwa byago.
- 20 N'asookera awo okubuulirira ebibuga mwe yakolera eby'amaanyi bye ebingi, kubanga tebyenenya.
- 21 Zirikusanga ggwe Kolaziini! zirikusanga ggwe Besusayida! kubanga eby'amaanyi ebyakolerwa mu mmwe, singa byakolerwa mu Ttuulo ne Sidoni, singa byenenya dda, singa bali mu bibukutu ne mu vvu.
- 22 Naye mbagamba nti Ku lunaku olw'omusango Ttuulo ne Sidoni baliba n'okubonyaabonyezebwa okuligumiikirizika okusinga mmwe.
- 23 Naawe, Kaperunawumu, oligulumizibwa okutuuka ku ggulu? olikka e Magombe: kubanga eby'amaanyi ebyakolerwa mu ggwe singa byakolerwa mu Sodomu, singa weekiri ne kaakano.
- 24 Naye mbagamba nti Ku lunaku olw'omusango ensi y'e Sodomu eriba n'okubonyaabonyezebwa okuligumiikirizika okusinga ggwe.
- 25 Mu biro ebyo Yesu yaddamu n'agamba nti Nkwebaza, Kitange, Mukama w'eggulu n'ensi, kubanga wakisa ebigambo bino ab'amagezi n'abakabakaba n'obibikkulira abaana abato:
- 26 weewaawo, Kitange, kubanga bwe kityo bwe kyasiimibwa mu maaso go.
- 27 Ebintu byonna byankwasibwa Kitange: so tewali muntu amanyi Omwana wabula Kitaawe; so tewali muntu amanyi Kitaawe wabula Omwana, na buli muntu Omwana gw'ayagala okumubikkulira.
- 28 Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa nange nnaabawumuza.
- 29 Mwetikke ekikoligo kyange, muyigire ku nze; kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima: nammwe muliraba ekiwummulo eky'omu myoyo gyammwe.
- 30 Kubanga ekikoligo kyange si kizibu, n'omugugu gwange mwangu.

Essuula 12

- 1 Awo mu biro ebyo Yesu n'ayita mu nnimiro y'eaano ku ssabbiiti; abayigirizwa be ne balumwa enjala, ne batandika okunoga ebirimba by'eaano, ne balya.

- 2 Naye Abafalisaayo bwe baalaba, ne bamugamba nti Laba, abayigirizwa bo bakola eky'omuzizo okukolera ku ssabbiiti.
- 3 Naye n'abagamba nti Temusomanga Dawudi bwe yakola, bwe yalumwa enjala, ne be yali nabo;
- 4 bwe yayingira mu nnyumba ya Katonda, n'alya emigaati egy'okulaga egyali egy'omuzizo ye okugirya newakubadde be yali nabo, wabula bakabona bokka?
- 5 Nantiki temusomanga mu mateeka, bakabona mu yeekaalu ku ssabbiiti bwe baasobya ssabbiiti, so tebazza musango?
- 6 Naye mbagamba nti ali wano asinga yeekaalu obukulu.
- 7 Naye singa mumanyi amakulu ga kino nti Njagala ekisa, so si ssaddaaka, temwandi-nenyezza abatazzizza musango.
- 8 Kubanga Omwana w'omuntu ye mukama wa ssabbiiti.
- 9 N'avaayo, n'ajja mu kkuaaniro lyabwe:
- 10 era, laba, mwalimu omu eyalina omukono ogukaze. Ne bamubuuza, nga bagamba nti Kirungi okuwonyeza omuntu ku ssabbiiti? era bamuwawaabire.
- 11 N'abagamba nti Ani mu mmwe, bw'aliba n'endiga ye emu n'emala egwa mu bunnyya ku ssabbiiti, ataligikwata atagiggyamu?
- 12 Omuntu tasinga nnyo ndiga? Kale kirungi okukola obulungi ku ssabbiiti.
- 13 N'alyoka agamba omuntu oyo nti Golola omukono gwo. N'agugolola; ne guwona, ne guba ng'ogw'okubiri.
- 14 Naye Abafalisaayo ne bafuluma, ne bamwekobaana bwe banaamuzikiriza.
- 15 Yesu bwe yategeera n'avaayo: abantu bangi ne bagenda naye; n'awonya bonna,
- 16 n'abakomako baleme okumwatiikiriza:
- 17 kituukirire ekyayogererwa mu Isaaya nnabbi nti
- 18 Laba mulenzi wange gwe nnalondamu; Gwe njagala, ansanyusa emmeeme yange: Ndimuteekako Omwoyo gwange, Alibuulira amawanga omusango.
- 19 Taliyomba, so talireekaana; So tewaliba muntu aliwulira eddoozi lye mu nguudo.
- 20 Olumuli olwatifu talirumenya, So n'enfuuzi ezinyooka talizizikiza, Okutuusa lw'alisindika omusango okuwangula.
- 21 N'erinnya lye amawanga galirisuubira.
- 22 Awo ne bamuleetera omuntu aliko dayimooni, ng'azibye amaaso n'omumwa: n'amuwonya, oyo eyali azibye omumwa n'ayogera n'alaba.
- 23 Ebibiina ne bisamaalirira byonna, ne byogera nti Ono ye mwana wa Dawudi?
- 24 Naye Abafalisaayo bwe baawulira, ne boogera nti Oyo tagoba dayimooni, wabula ku bwa Beeruzebuli omukulu wa dayimooni.
- 25 Bwe yamanya okulowooza kwabwe n'abagamba nti Buli bwakabaka bwe bwawukana bwokka na bwokka buzika; na buli kibuga oba nnyumba bw'eyawukana yokka na yokka terirwawo:
- 26 ne Setaani bw'agoba Setaani ayawukana yekka na yekka; n'obwakabaka bwe bulirwawo butya?
- 27 Oba nga nze ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli, abaana bammwe bagigoba ku bw'ani? kale abo be balibasalira omusango.
- 28 Naye oba nga nze ngoba dayimooni ku bw'Omwoyo gwa Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda bubajjidde.
- 29 Oba omuntu ayinza atya okuyingira mu nju y'omuntu ow'amaanyi, n'anyaga ebintu bye, wabula ng'asoose kusiba ow'amaanyi oli? n'alyoka anyaga enju ye.
- 30 Omuntu atabeera nange mulabe wange; era omuntu atakuaanyiza wamu nange asaasaanya.
- 31 Kyenva mbagamba nti Abantu balisonyiyibwa buli kibi n'eky'okuvvoola, naye okuvvoola Omwoyo tekulisonyiyika.

- 32 Buli muntu alivvoola Omwana w'omuntu alisonyiyibwa; naye buli muntu alivvoola Omwoyo Omutukuvu talisonyiyibwa, newakubadde mu mirembe egya kaakano, newakubadde mu mirembe egigenda okujja.
- 33 Oba mufuule omuti omulungi, n'ebibala byagwo bibe birungi; oba mufuule omuti omubi, n'ebibala byagwo bibe bibi: kubanga omuti gutegeererwa ku bibala byagwo.
- 34 Mmwe abaana b'emisota, muyinza mutya okwogera ebigambo ebirungi nga muli babi? kubanga ku ebyo ebijjula mu mutima, akamwa bye koogera.
- 35 Omuntu omulungi ebirungi abiggya mu tterekero lye eddungi: n'omuntu omubi ebibi abiggya mu tterekero lye ebibi.
- 36 Era mbagamba nti Buli kigambo ekitaliimu abantu kye boogera, balikiwoleza ku lunaku olw'omusango.
- 37 Kubanga ebigambo byo bye birikuweesa obutuukirivu, n'ebigambo byo bye birikusinza omusango.
- 38 Awo abawandiisi abalala n'Abafalisaayo ne bamuddamu ne bagamba nti Omuyigiriza, twagala otulage akabonero tukalabe.
- 39 Naye n'addamu n'abagamba nti Ab'emirembe emibi era egy'obwenzi banoonya akabonero: so tebaliweebwa kabonero wabula akabonero ka nnabbi Yona:
- 40 kuba nga Yona bwe yamala ennaku essatu, emisana n'ekiro, mu lubuto lwa lukwata; bw'atyo n'Omwana w'omuntu bw'alimala ennaku essatu, emisana n'ekiro, mu mutima gw'ettaka.
- 41 Abantu ab'e Nnineeve baliyimirira mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, era balibasinza omusango: kubanga Yona bwe yababuulira ne beenenya; era, laba, asinga Yona ali wano.
- 42 Kabaka omukazi ow'omu bukiika obwa ddyo aliyimirira mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, era alibasinza omusango; kubanga yava ku nkomerero y'ensi okuwulira amagezi ga Sulemaani; era, laba, asinga Sulemaani ali wano.
- 43 Naye dayimooni omubi bw'ava mu muntu, atambula mu nsenyi enkalu, nga anoonya aw'okuwummulira, naye n'abulwa.
- 44 Kale agamba nti Naddayo mu nnyumba yange mwe nnavu; bw'atuukamu, agiraba nga njereere, enyiridde, ng'erongoosebbwa.
- 45 Awo agenda, n'aleeterako dayimooni abalala musanvu abamusinga obubi, nabo bwe bayingira babeera omwo: n'eby'oluvannyuma eby'omuntu oyo birisinga obubi eby'olubereberye. Bwe kiriba bwe kityo eri ab'emirembe gino emibi.
- 46 Bwe yali ng'akyayogera n'ebibiina, laba, nnyina ne baganda be baali bayimiridde bweru, nga baagala kwogera naye.
- 47 Omuntu n'amugamba nti Laba, nnyoko ne baganda bo bayimiridde bweru, baagala kwogera naawe.
- 48 Naye n'addamu n'agamba oyo amubuulidde nti Ani mmange? be baani baganda bange?
- 49 N'agolola omukono eri abayigirizwa be, n'agamba nti Laba, mmange ne baganda bange!
- 50 Kubanga buli akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala, ye muganda wange, ye mwannyinaze, ye mmange.

Essuula 13

- 1 Ku lunaku olwo Yesu n'afuluma mu nju, n'atuula ku mabbali g'ennyanja.
- 2 Ebibiina bingi ne bimukuaanirako, n'okusaabala n'asaabala mu lyato, n'atuula; ekibiina kyonna ne kiyimirira ku ttale.
- 3 N'ayogera nabo bingi mu ngero, ng'agamba nti Laba, omusizi yafuluma okusiga;

- 4 bwe yali ng'asiga, ensigo endala ne zigwa ku mabbali g'ekkubo, ennyonyi ne zijja ne zizirya:
- 5 endala ne zigwa awali enjazi, awatali ttaka lingi amangu ago ne zimera, kubanga tezaalina ttaka ggwanvu:
- 6 enjuba bwe yavaayo, ne ziwotookerera kubanga tezaalina mmizi, ne zikala.
- 7 Endala ne zigwa ku maggwa; amaggwa ne gamera, ne gazizisa:
- 8 endala ne zigwa ku ttaka eddungi, ne zibala emmere, endala kikumi, endala nkaaga, endala makumi asatu
- 9 Alina amatu, awulire.
- 10 Abayigirizwa ne bajja ne bamugamba nti Kiki ekikwogeza nabo mu ngero?
- 11 N'addamu n'abagamba nti Mmwe muweereddwa okumanya ebigambo eby'ekyama eby'obwakabaka obw'omu ggulu naye bo tebaweerddwa.
- 12 Kubanga buli alina, aliweebwa, era alisukkirirawo: naye buli atalina aligigbwako ne ky'ali nakyo.
- 13 Kyenva njogera nabo mu ngero kubanga bwe balaba tebalaba, bwe bawulira, tebawulira, so tebategeera.
- 14 Naye Isaaya bye yalagula bibatuukiridde, ebyayogera nti Muliwulira buwulizi, naye temulitegeera; Muliraba bulabi, naye temulyetegeresa:
- 15 Kuba omutima gw'abantu bano gusavuwadde, N'amatu gaabwe gawulira bubu, N'amaaso gaabwe bagazibye; Baleme okulaba n'amaaso, n'okuwulira n'amatu, N'okutegeera n'omutima, N'okukyuka, Ne mbawonya.
- 16 Naye amaaso gammwe galina omukisa, kubanga galaba; n'amatu gammwe, kubanga gawulira.
- 17 Kubanga mazima mbagamba nti Bannabbi bangi n'abantu abatuukirivu abeegombanga okulaba bye mutunuulira, so tebaabiraba; n'okuwulira bye muwulira, so tebaabiwulira.
- 18 Kale mmwe muwulire olugero lw'omusizi.
- 19 Buli awulira ekigambo eky'obwakabaka, nga takitegedde, omubi oyo ajja, n'akwakula ekisigiddwa mu nutima gwe. Oyo ye yasigibwa ku mabbali g'ekkubo.
- 20 N'oyo eyasigibwa awali enjazi, ye oyo awulira kigambo, amangu ago n'akikiriza n'essanyu;
- 21 naye talina mmizi munda mu ye, naye, alwawo katonu; bwe wabaawo ennaku n'okuyigganyizibwa olw'ekigambo, amangu ago yeesittala.
- 22 N'oyo eyasigibwa mu maggwa, ye oyo awulira ekigambo; naye okweraliikirira kw'ensi, n'obulimba bw'obugagga bizisa ekigambo, era tabala.
- 23 N'oyo eyasigibwa ku ttaka eddungi, ye oyo awulira ekigambo, n'akitegeera; oyo ddala abala ddala ebibala, omulala aleeta kikumi, omulala nkaaga, omulala makumi asatu.
- 24 Awo n'abaleetera olugero olulala n'ayogera nti Obwakabaka obw'omu ggulu bufanaanyizibwa n'omuntu eyasiga ensigo ennungi mu nnimiro ye:
- 25 naye abantu bwe baali beebase omulabe we n'ajja n'asigamu eaano ey'omu nsiko mu aano ennungi, n'agenda.
- 26 Naye bwe yameruka, bwe yayanya, n'erabika n'eaano ey'omu nsiko.
- 27 Abaddu be ne bajja ne bagamba omwami nti Ssebo, tewasiga nsigo nnungi mu nnimiro yo? kale yali etya okubaamu eaano ey'omu nsiko?
- 28 N'abagamba nti Omulabe ye yakola atyo. Abaddu ne bamugamba nti Kale oyagala tugende tugikoolemu?
- 29 Naye n'agamba nti Nedda; mpozzi bwe munaaba mukoolamu eaano ey'omu nsiko, munaggiramu n'eaano yennyini.
- 30 Muleke bikule byombi bituuse amakungula: mu biro eby'amakungula ndigamba abakunguzi nti Musooke mukuaanye eaano ey'omu nsiko, mugisibe emiganda

eyokebwe: naye eaano yennyini mugikuaanyize mu ggwanika lyange.

- 31 N'abaleetera olugero olulala, ng'agamba nti Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana n'akaweke ka kaladaali, omuntu ke yaddirira, n'akasiga mu nnimiro ye:
- 32 nako nga ke katonno okusinga ensigo zonna; naye bwe kaakula, ne kaba kanene okusinga omuddo gwonna, ne kaba omuti, n'ennyonyi ez'omu bbanga nga zijja, nga zibeera ku matabi gaagwo.
- 33 N'abagerera olugero olulala nti Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana n'ekizimbulukusa, omukazi kye yaddirira, n'akissa mu bubbo busatu obw'obutta, n'okuzimbulukuka ne buzimbulukuka bwonna.
- 34 Ebigambo ebyo byonna Yesu yabigamba ebibiina mu ngero; naye awatali lugero teyabagamba kigambo:
- 35 kituukirire ekyayogererwa mu nnabbi, ng'agamba nti Ndyasamy akamwa kange mu ngero; Ndireeta ebigambo ebyakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi.
- 36 Awo n'asiibula ebibiina, n'ayingira mu nju: abayigirizwa be ne bajja w'ali, ne bagamba nti Tutegeeze olugero olw'eaano ey'omu nsiko eyali mu nnimiro.
- 37 N'addamu n'agamba nti Asiga ensigo ennungi ye Mwana w'omuntu;
- 38 ennimiro ye nsi; ensigo ennungi, abo be baana b'obwakabaka; n'eaano ey'omu nsiko be baana b'omubi;
- 39 omulabe eyagisiga ye Setaani: amakungula ye nkomerero y'ensi; n'abakunguzi be bamalayika.
- 40 Kale ng'eaano ey'omu nsiko bw'ekuaanyizibwa n'eyokebwa mu muliro; bwe kityo bwe kiriba ku nkomerero y'ensi.
- 41 Omwana w'omuntu alituma bamalayika be, nabo baliggyamu mu bwakabaka bwe ebintu byonna ebisittaza, n'abo abakola obubi,
- 42 balibasuula mu kikoomi eky'omuliro: mwe muliba okukaaba amaziga n'okuluma obujji.
- 43 Kale abantu abatuukirivu balimasamasa ng'enjuba mu bwakabaka bwa Kitaabwe. Alina amatu, awulire.
- 44 Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana n'eky'obugagga ekyakisibwa mu lusuku; omuntu n'akiraba, n'akikweka; n'olw'essanyu lye n'agenda n'atunda by'ali nabyo byonna, n'agula olusuku olwo.
- 45 Nate, obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana omuntu omutunzi anoonya eruulu ennungi:
- 46 bwe yalaba eruulu emu ey'omuwendo omungi, n'agenda n'atunda by'ali nabyo byonna, n'agigula.
- 47 Nate, obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana ekiragala, kye basuula mu nnyanja, ne kikuaanya ebya buli ngeri:
- 48 bwe kyajjula, ne bakiwalulira ku ttale; ne batuula, ne bakuaanyiza ebirungi mu nkanga, ebibi ne babisuula.
- 49 Bwe kityo bwe kiriba ku nkomerero y'ensi: bamalayika balijja, balyawulamu abantu ababi mu batuukirivu,
- 50 balibasuula mu kikoomi eky'omuliro: mwe muliba okukaaba amaziga n'okuluma obujji.
- 51 Mubitegedde ebigambo bino byonna? Ne bamugamba nti Weewaawo.
- 52 N'abagamba nti Buli muwandiisi eyayigirizibwa eby'obwakabaka obw'omu ggulu, kyava afaanana n'omuntu alina ennyumba ye, aggya mu tterekero lye ebintu ebiggya n'ebikadde.
- 53 Awo olwatuuka Yesu bwe yamala engero zino, n'avaayo.
- 54 Bwe yatuuka mu nsi y'ewaabwe n'abayigiriza mu kkuaaniro lyabwe, n'okuwuniikirira ne bawuniikirira, ne bagamba nti Ono yaggya wa amagezi gano, n'eby'amaanyi bino?

- 55 Ono si ye mwana w'omubazzi? nnyina si gwe bayita Malyamu? ne baganda be Yakobo, ne Yusufu, ne Simooni, ne Yuda?
- 56 Ne bannyina bonna tebali waffe? Kale ono yaggya wa ebigambo bino byonna?
- 57 Ne bamunyiigira. Naye Yesu n'abagamba nti Nnabbi tabulwa kitiibwa, wabula mu nsi y'ewaabwe, ne mu nnyumba y'ewaabwe.
- 58 So teyakolayo bya magero bingi olw'obutakkiriza bwabwe.

Essuula 14

- 1 Mu biro biri Kerode ow'essaza n'awulira ettutumu lya Yesu,
- 2 n'agamba abaddu be nti Oyo ye Yokaana Omubatiza; azuukidde mu bafu; era eby'amaanyi bino kyebiva bikolera mu ye.
- 3 Kubanga Kerode yali akutte Yokaana, n'amusiba, n'amuteeka mu kkomera olwa Kerodiya, mukazi wa Firipo muganda we.
- 4 Kubanga Yokaana yamugamba nti Kya muzizo ggwe okubeera naye.
- 5 Bwe yali ayagala okumutta, n'atya abantu, kubanga baamulowooza nga ye nnabbi.
- 6 Bwe lwatuuka olw'okujjukira amazaalibwa ga Kerode, omuwala wa Kerodiya n'azina mu maaso gaabwe, n'asanyusa Kerode.
- 7 Awo n'alayira n'asuubiza okumuwa kyonna kyonna ky'anaasaba.
- 8 Naye, bwe yaweererwa nnyina, n'agamba nti Mpeera wano mu lutiba omutwe gwa Yokaana Omubatiza.
- 9 Kabaka n'alumwa; naye olw'ebirayiro bye, n'olw'abo abaali batudde nga balya naye, n'alagira okugumuwa;
- 10 n'atuma, n'atemako Yokaana omutwe mu kkomera.
- 11 Ne baleeta omutwe gwe mu lutiba, ne baguwa omuwala: n'agutwalira nnyina.
- 12 Abayigirizwa be ne bajja, ne basitula omulambo, ne bamuziika; ne bagenda ne babuulira Yesu.
- 13 Awo, Yesu bwe yawulira, n'aviirayo mu lyato, n'agenda awali eddungu kyama: ebibiina bwe byawulira, ne biva mu bibuga ne bimugoberera nga biyita ku lukalu.
- 14 N'avaayo, n'alaba ekibiina kinene, n'abasaasira, n'awonya abalwadde baabwe.
- 15 Bwe bwawungeera, abayigirizwa ne bajja w'ali, ne bagamba nti Wano ddungu, obudde buyise nnyo; siibula abantu, bagende mu bibuga, beegulire emmere.
- 16 Naye Yesu n'abagamba nti Tewali kibazzisaayo; mmwe mubawe ebyokulya.
- 17 Ne bamugamba nti Tetulina kintu wano wabula emigaati etaano, n'ebyennyanya bibiri.
- 18 N'agamba nti Mubindeetere wano.
- 19 N'alagira ebibiina okutuula ku muddo; n'atwala emigaati etaano n'ebyennyanya bibiri, n'atunula waggulu mu ggulu, ne yeebaza, n'amenyumamu emigaati n'agiwa abayigirizwa, abayigirizwa ne bagabira ebibiina.
- 20 Ne balya bonna, ne bakkuta: ne bakuaanya obukunkumuka obwasigalawo, ebibbo kkumi na bibiri ebyajjula.
- 21 N'abo abaalya baali abasajja ng'enkumi ttaano, abakazi n'abaana obutabassaako:
- 22 Amangu ago n'awaliriza abayigirizwa okusaabala, bamukulembere okugenda emitala w'eri, amale okusiibula ebibiina.
- 23 Bwe yamala okusiibula ebibiina, n'alinnya ku lusozi yekka okusaba: obudde bwe bwawungeera, yaliyo bw'omu.
- 24 Naye eryato lyali limaze okutuuka mu buziba, nga lyesunda n'amayengo, kubanga omuyaga gwabafulumu mu maaso.
- 25 Awo ekiro mu kisisimuka eky'okuna n'ajja gye bali, ng'atambula ku nnyanja.
- 26 Abayigirizwa bwe baamulaba ng'atambula ku nnyanja, ne beeraliikirira, ne bagamba nti Dayimooni; ne beekanga nga batya.

- 27 Amangu ago Yesu n'ayogera nabo, n'agamba nti Muddeemu omwoyo: nze nzuuno; temutya.
- 28 Peetero n'amuddamu n'agamba nti Mukama wange, oba nga ggwe wuuyo, ndagira njije gy'oli ku mazzi.
- 29 N'agamba nti Jjangu. Peetero n'ava mu lyato, n'atambulira ku mazzi, okugenda eri Yesu.
- 30 Naye, bwe yalaba omuyaga, n'atya: n'atanula okusaanawo, n'akaaba, n'agamba nti Mukama wange, ndokola.
- 31 Amangu ago Yesu n'agolola omukono, n'amukwata, n'amugamba nti Ggwe alina okukkiriza okutono, kiki ekikubusizzabuusizza?
- 32 Bwe baalinnya mu lyato, omuyaga ne guggwaawo.
- 33 N'abo abaali mu lyato ne bamusinza, nga bagamba nti Mazima oli Mwana wa Katonda.
- 34 Bwe baamala okuwunguka, ne batuuka ku lukalu olw'e Genesaleeti.
- 35 Abantu baayo bwe baamumanya, ne batuma mu nsi eyo yonna eriraanyeeewo, ne bamuleetera bonna abalwadde;
- 36 ne bamwegayirira bakomeko bukomi ku lukugiro lw'ekyambalo kye; bonna abaakomako ne bawonyezebwa ddala.

Essuula 15

- 1 Awo ne bajja eri Yesu Abafalisaayo n'abawandiisi abaava mu Yerusaalemi, nga bagamba nti
- 2 Abayigirizwa bo kiki ekiboonoonyesa obulombolombo bwe twaweebwa abakadde? kubanga tebanaaba mu ngalo nga balya emmere.
- 3 N'addamu n'abagamba nti Nammwe kiki ekiboonoonyesa etteeka lya Katonda olw'obulombolombo bwe mwaweebwa?
- 4 Kubanga Katonda yagamba nti Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko: nate nu Avumanga kitaawe oba nnyina, bamuttanga bussi.
- 5 Naye mmwe mugamba nti Buli aligamba kitaawe oba nnyina nti Kyonna kye nnandikuwadde okukugasa, nkiwadde Katonda,
- 6 alireka okussaamu ekitiibwa kitaawe. Mwadibya ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe bwe mwaweebwa.
- 7 Mmwe bannanfuusi, Isaaya yalagula bulungi ku mmwe, ng'agamba nti
- 8 Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa; Naye omutima gwabwe gundi wala.
- 9 Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata.
- 10 N'ayita ekibiina, n'abagamba nti Muwulire, mutegeere:
- 11 ekiyingira mu kamwa si kye kyonoona omuntu; naye ekiva mu kamwa, ekyo kye kyonoona omuntu.
- 12 Awo abayigirizwa ne bajja, ne bamugamba nti Omanyi Abafalisaayo nga baanyiiga, bwe baawulira ekigambo ekyo?
- 13 Naye n'addamu n'agamba nti Buli kisimbe Kitange ow'omu ggulu ky'ataasimba, kirisimbulibwa.
- 14 Mubaleke: be basaale abatalaba. Naye omuzibe w'amaaso bw'akulembera muzibe munne bombi baligwa mu bunnya.
- 15 Peetero n'addamu n'amugamba nti Tunnyonnyole olugero olwo.
- 16 Naye n'agamba nti Era nammwe temunnaba kuba na magezi.
- 17 Temutegeera nti buli ekiyingira mu kamwa kigenda mu lubuto, ne kisuulibwa mu kiyigo?

- 18 Naye ebifuluma mu kamwa biva mu mutima; n'ebyo bye byonoona omuntu.
- 19 Kubanga mu mutima mu muva ebirowoozo ebibi, obussi, obwenzi, obukaba, obubbi, okuwaayiriza, okuvuma:
- 20 ebyo bye byonoona omuntu: naye okulya nga tanaabye mu ngalo tekwoona muntu.
- 21 Yesu n'avaayo, n'agenda ku njuyi z'e Ttuulo n'e Sidoni.
- 22 Kale, laba, omukazi Omukanani n'ava ku mbibi eyo, n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Onsaasire Mukama wange, omwana wa Dawudi; muwala wange alwadde nnyo dayimooni.
- 23 Naye n'atamuddamu kigambo. Abayigirizwa be ne bajja ne bamwegayirira, nga bagamba nti Musiibule; kubanga atuleekaanira emabega.
- 24 Naye n'addamu n'agamba nti Saatumbwa wabula eri endiga ezaabula ez'omu nnyumba ya Isiraeri.
- 25 Naye n'ajja, n'amusinza, ng'agamba nti Mukama wange, mbeera.
- 26 N'addamu n'agamba nti Si kirungi okuddira emmere y'abaana n'okugisuulira obubwa.
- 27 Naye n'agamba nti Weewaawo, Mukama wange: kubanga n'obubwa bulya obukunku-muka obugwa okuva ku mmeeza ya bakama baabwo.
- 28 Yesu n'alyoka addamu n'amugamba nti Ggwe omukazi, okukkiriza kwo kunene: kibeere gy'oli nga bw'oyagala. Muwala we n'awona okuva mu kiseera ekyo.
- 29 Yesu n'avaayo, n'ajja ku ttale ly'ennyanya y'e Ggaliraaya; n'alinnya ku lusozi, n'atula okwo.
- 30 Ebibiina bingi ne bijja gy'ali, nga birina abawenyera, n'abazibe b'amaaso, ne bakasiru, n'abalama, n'abalala bangi, ne babassa awali ebigere bye; n'abawonya:
- 31 ekibiina n'okwewuunya ne beewuunya, bwe baalaba bakasiru nga boogera, abalema nga balamu, abawenyera nga batambula, n'abazibe b'amaaso nga balaba: ne bagulumiza Katonda wa Isiraeri.
- 32 Yesu n'ayita abayigirizwa be, n'agamba nti Nsaasira abantu kubanga leero baakamala nange ennaku ssatu nga tebalina kya kulya: n'okubasiibula nga balina enjala sikyagala, wozzi banaazirikira mu kkubo.
- 33 Abayigirizwa ne bamugamba nti Tunaggya wa emigaati emingi bwe giti mu ddungu, okukkusa ekibiina ekinene ekyenkana wano?
- 34 Yesu n'abagamba nti Mulina emigaati emeka? Ne bagamba nti Musanvu, n'ebyennyanya ebitono si bingi.
- 35 N'alagira ekibiina okutuula wansi;
- 36 n'atoola emigaati musanvu n'ebyennyanya; ne yeebaza n'amenyamu n'awa abayigirizwa, abayigirizwa ne bagabira ebibiina.
- 37 Ne balya bonna, ne bakkuta: ne bakuaanya obukunkumuka obwasigalawo, ebisero musanvu ebyajjula.
- 38 N'abo abaalya baali abasajja enkumi nnya, abakazi n'abaana obutabassaako.
- 39 N'asiibua ebibiina, n'asaabala mu lyato, n'ajja mu mbibi y'e Magadani.

Essuula 16

- 1 Abafalisaayo n'Abasaddukaayo ne bajja, ne bamukema ne bamusaba okubalaga akabonero akava mu ggulu.
- 2 Naye n'addamu n'abagamba nti Bwe buba akawungeezi, mugamba nti Bunaaba bulungi: kubanga eggulu limyuse.
- 3 N'enkya nti Wanaaba omuyaga leero: kubanga eggulu limyuse libindabinda. Mumanyi okwawula eggulu bwe lifaanana; naye temuyinza kwawula bubonero bwa biro?
- 4 Ab'emirembe emibi era egy'obwenzi banoonya akabonero; so tebaliweebwa

- kabonero, wabula akabonero ka Yona. N’abaleka, n’agenda.
- 5 Abayigirizwa ne bajja emitala w’eri, ne beerabira okutwala emigaati.
 - 6 Yesu n’abagamba nti Mutunuulire mwekuume ekizimbulukusa eky’Abafalisaayo n’Abasaddukaayo.
 - 7 Ne bawakana bokka na bokka, nga bagamba nti Kubanga tetuleese migaati.
 - 8 Yesu n’amanya n’agamba nti Mmwe abalina okukkiriza okutono, kiki ekibawakanya mwekka na mwekka kubanga temulina migaati?
 - 9 Temunnaba kutegeera, so temujjukira migaati etaano eri abo enkumi ettaano, n’ebibbo bwe byali bye mwakuaanya
 - 10 Era emigaati omusanvu eri abo enkumi ennya, n’ebisero bwe byali bye mwakuaanya?
 - 11 Ekibalobedde ki okutegeera nti sibagambiridde lwa migaati? Naye mwekuume ekizimbulukusa eky’Abafalisaayo n’Abasaddukaayo.
 - 12 Ne balyoka bategeera nti tagambye kwekuuma kizimbulukusa kya migaati, wabula okuyigiriza kw’Abafalisaayo n’Abasaddukaayo.
 - 13 Awo, Yesu bwe yajja ku njuyi z’e Kayisaliya ekya Firipo, n’abuza abayigirizwa be, ng’agamba nti Omwana w’omuntu abantu bamuyita batya?
 - 14 Ne bagamba nti Abalala bamuyita Yokaana Omubatiza; abalala nti Eriya: abalala nti Yeremiya, oba omu ku bannabbi.
 - 15 N’abagamba nti Naye mmwe mumpita mutya?
 - 16 Simooni Peetero n’addamu n’agamba nti Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu.
 - 17 Yesu n’addamu n’amugamba nti Olina omukisa, Simooni Ba-Yona: kubanga omubiri n’omusaayi tebyakubikkulira ekyo, wabula Kitange ali mu ggulu.
 - 18 Nange nkugamba nti Ggwe Peetero, nange ndizimba ekanisa yange ku lwazi luno: so n’emiryango egy’Emagombe tegirigiya.
 - 19 Ndikuwa ebisumuluzo by’okwakabaka obw’omu ggulu: kyonna kyonna ky’olisiba ku nsi kirisibibwa mu ggulu: kyonna kyonna ky’olisumulula ku nsi kirisumululibwa mu ggulu.
 - 20 Awo n’akuutira abayigirizwa baleme okubuulirako omuntu nti ye Kristo.
 - 21 Yesu n’asookera awo okubuulira abayigirizwa be nti kimugwanira okugenda e Yersaalemi, okubonyaabonyezebwa ennyo abakadde ne bakabona abakulu n’abawandiisi, n’okuttibwa, ne ku lunaku olw’okusatu okuzuukizibwa.
 - 22 Peetero n’amutwala, n’atanula okumunonya, ng’agamba nti Nedda, Mukama wange: ekyo tekirikubaako n’akatono.
 - 23 N’akyuka, n’agamba Peetero nti Dda ennyuma wange, Setaani, oli nkonge gye ndi: kubanga tolowooza bya Katonda, wabula eby’abantu.
 - 24 Awo Yesu n’agamba abayigirizwa be nti Omuntu bw’ayagala okujja ennyuma wange, yeefiirize yekka yeetikke omusalaba gwe, angoberere.
 - 25 Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza: na buli alibuza obulamu bwe ku lwange alibulaba.
 - 26 Kubanga omuntu kulimugasa kutya okulya ensi yonna, naye ng’afiiriddwa obulamu bwe? oba omuntu aliwaayo ki okununula obulamu bwe?
 - 27 Kubanga Omwana w’omuntu agenda kujjira mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika be; n’alyoka asasula buli muntu nga bwe yakola.
 - 28 Ddala mbagamba nti Waliwo ku bano abayimiridde wano, abatalirega ku kufa n’akatono, okutuusa lwe baliraba Omwana w’omuntu ng’ajja mu bwakabaka bwe.

Essuula 17

- 1 Ennaku omukaaga bwe zaayitawo Yesu n’atwala Peetero ne Yakobo ne Yokaana

- muganda we, n'abalinyisa ku lusozi oluwanvu bokka:
- 2 n'afuusibwa mu maaso gaabwe: amaaso ge ne gamasamasa ng'enjuba, ebyambalo bye ne bitukula ng'omusana.
 - 3 Laba, Musa ne Eriya ne babalabikira nga boogera naye.
 - 4 Peetero n'addamu n'agamba Yesu nti Mukama wange, kirungi ffe okubeera wano: bw'oyagala, nnaazimba wano ensiisira ssatu; emu yiyo, n'endala ya Musa, n'endala ya Eriya.
 - 5 Bwe yali ng'akyayogera, laba, ekire ekimasamasa ne kibasiikiriza: laba, eddoboosi ne liva mu kire, nga ligamba nti Ono ye Mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo; mumuwulire.
 - 6 Abayigirizwa bwe baaliwulira, ne bagwa nga bevuunise, ne batya nnyo.
 - 7 Yesu n'ajja n'abakomako n'agamba nti Muyimuke, temutya.
 - 8 Ne bayimusa amaaso gaabwe, ne batalaba muntu, wabula Yesu yekka.
 - 9 Bwe baali nga bakka ku lusozi, Yesu n'abalagira ng'agamba nti Temubuulirako muntu bye mwolesebbwa, okutuusa Omwana w'omuntu lw'alimala okuzuukira mu bafu.
 - 10 Abayigirizwa be ne bamubuuzza, ne bagamba nti Kale kiki ekigambya abawandiisi nti Eriya kimugwanidde okusooka okujja?
 - 11 N'addamu n'agamba nti Eriya ajja ddala, alirongoosa byonna:
 - 12 naye mbagamba nti Eriya amaze okujja, nabo tebaamumanya, naye baamukola bwe baayagala. Bw'atyo n'Omwana w'omuntu alibonyaabonyezebwa bo.
 - 13 Awo abayigirizwa ne bategeera nti yayogera nabo ku Yokaana Omubatiza.
 - 14 Bwe baatuuka eri ekibiina, omuntu n'ajja gy'ali, n'amufukaamirira, ng'agamba nti
 - 15 Mukama wange, musaasire omwana wange: kubanga agwa ensimbu, zimubonyaabonya nnyo: kubanga emirundi mingi ng'agwa mu muliro, era emirundi mingi mu mazzi.
 - 16 Ne mmuleetera abayigirizwa bo, ne batayinza kumuwonya.
 - 17 Yesu n'addamu n'agamba nti Mmwe ab'emirembe egitakkiriza emikyamu, ndituusa wa okubeera nammwe? ndituusa wa okubagumiikiriza? mumundeetere wano.
 - 18 Yesu n'amubogolera; dayimooni n'amuvaako: omulenzi n'awona okuva mu kiseera ekyo.
 - 19 Awo abayigirizwa ne bajja eri Yesu kyama, ne bagamba nti Kiki ekitulobedde ffe okuyinza okumugoba?
 - 20 N'abagamba nti Olw'okukkiriza kwammwe okuba okutono: kubanga ddala mbagamba nti Singa mulina okukkiriza okwenkana ng'akaweke ka kaladaali, bwe muligamba olusozi luno nti Vaawo wano genda wali; kale luligenda; so singa tewali kigambo kye mutayinza.
 - 21 Naye kyokka eky'engeri eno tekiyinza kuvaawo awatali kusaba na kusiiba.
 - 22 Bwe baali nga bakyatudde e Ggaliraaya, Yesu n'abagamba nti Omwana w'omuntu agenda kuweebwayo mu mikono gy'abantu;
 - 23 balimutta, ne ku lunaku olw'okusatu alizuukizibwa. Ne banakuwala nnyo.
 - 24 Bwe baatuuka e Kaperunawumu, abantu abasoolooza ediderakima ne bajja eri Peetero, ne bagamba nti Mukama wammwe tawa diderakima?
 - 25 N'agamba nti Awa. Bwe yayingira mu nju, Yesu n'amwesooka ng'agamba nti Olowooza otya, Simooni? Bakabaka b'ensi bawooza oba basoolooza bantu ki? baana baabwe nantiki bannaggwanga?
 - 26 N'agamba nti Bannaggwanga. Yesu n'amugamba nti Kale abaana ba ddembe.
 - 27 Naye, tuleme okubasittaza, genda ku nnyanja, osuule eddobo, onnyulule ekyennyanya ekinaasooka okubbulukuka; bw'onooyasamya akamwa kaakyo, onoolabamu esutateri: otwale eyo, ogibawe ku bwange ne ku bubwo.

Essuula 18

- 1 Mu kiseera ekyo abayigirizwa ne bajja eri Yesu, ne bagamba nti Kale ani omukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu?
- 2 N'ayita omwana omuto, n'amuyimiriza wakati waabwe,
- 3 n'agamba nti Mazima mbagamba nti Bwe mutakyuka okufuuka ng'abaana abato, temuliyingira n'akatono mu bwakabaka obw'omu ggulu.
- 4 Kale buli eyeewombeeka ng'omwana ono omuto, ye mukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu.
- 5 Na buli alisembeza omwana omuto ng'ono mu linya lyange ng'asembezezza nze:
- 6 naye alyesitazza ku abo abato bano abanzikiriza waakiri asibibwe mu bulago olubengo olunene, balyoke bamusuule mu buziba bw'ennyanja.
- 7 Zirisanga ensi olw'ebigambo ebisittaza! Kubanga ebisittaza tebirirema kujja; naye zirisanga omuntu oyo aleeta ekisittaza!
- 8 Oba ng'omukono gwo oba kugulu kwo nga kukwesittaza, kutemeko okusuule wala: kye kirungi oyingire mu bulamu ng'obuzeeko omukono oba kugulu, okusinga okusuulibwa mu muliro ogw'emirembe n'emirembe, ng'olina emikono gyombi oba amagulu gombi.
- 9 Era oba ng'eriiso lyo nga likwesittaza, liggyeemu, olisuule wala: kye kirungi oyingire mu bulamu ng'oli wa ttulu okusinga okusuulibwa mu Ggeyeem ey'omuliro, ng'olina amaaso gombi.
- 10 Mulabe nga temunyoomanga omu ku abo abato bano; kubanga mbagamba nti mu ggulu bamalayika baabwe batunuulira ennaku zonna amaaso ga Kitange ali mu ggulu.
- 11 Kubanga Omwana w'omuntu yajja okulokola ekyabula.
- 12 Mulowooza mutya? Omuntu bw'aba n'endiga ze ekikumi, emu ku zo bw'ebula, taleka ziri ekyenda mu omwenda, n'agenda ku nsozi, n'anoonya eyo ebuzeeko?
- 13 Era bw'aba ng'agirabye, mazima mbagamba nti agisanyukira eyo okusinga ziri ekyenda mu omwenda ezitabuze.
- 14 Bwe kityo tekyagalibwa mu maaso ga Kitammwe ali mu ggulu, omu ku abo abato bano okuzikirira.
- 15 Muganda wo bw'akukola obubi genda omubuulirire ggwe naye mwekka: bw'akuwulira ng'ofunye muganda wo.
- 16 Naye bw'atawulira, twala omulala naawe oba babiri era mu kamwa k'abajulirwa ababiri oba basatu buli kigambo kikakate.
- 17 Era bw'agaana okuwulira abo buulira ekkansa: era bw'agaana okuwulira n'ekkanisa, abeere gy'oli nga munnaggwanga era omuwooza.
- 18 Mazima mbagamba nti Byonna bye mulisiba ku nsi birisibwa mu ggulu: era byonna bye mulisumulula ku nsi birisumululibwa mu ggulu.
- 19 Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabanga ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu.
- 20 Kubanga we baba ababiri oba basatu nga bakuaanye mu linnya lyange, nange ndi awo wakati waabwe.
- 21 Awo Peetero n'ajja, n'amugamba nti Mukama wange, muganda wange bw'annyonoo-nanga, nnaamusonyiwanga emirundi emeka? kutuusa emirundi musanvu?
- 22 Yesu n'amugamba nti Sikugamba nti Okutuusa emirundi musanvu; naye nti Okutuusa emirundi ensanvu emirundi omusanvu.
- 23 Obwakabaka obw'omu ggulu kyebuva bufaananyizibwa n'omuntu eyali kabaka, eyayagala okubala omuwendo n'abaddu be.
- 24 Bwe yasooka okubala, ne bamuleetera omu, gw'abanja ettalanta akakumi.
- 25 Naye kubanga teyalina kya kusasula, mukama we n'alagira okumutunda, ne mukazi

we, n'abaana be, n'ebintu byonna by'ali nabyo, ebbanja liggwe.

- 26 Awo omuddu n'agwa wansi n'amusinza, ng'agamba nti Mukama wange, mmanja npola, nange ndikusasula byonna.
- 27 Mukama w'omuddu oyo n'amuaasira, n'amuta, n'amusonyiwa ebbanja.
- 28 Naye omuddu oyo n'afuluma, n'asanga muddu munne, gwe yali abanja eddinaali ekikumi: n'amukwata, n'amugwa mu bulago, ng'agamba nti Sasula ebbanja lyange.
- 29 Awo muddu munne n'agwa wansi n'amwegayirira, ng'agamba, nti Mmanja mpola, nange ndikusasula.
- 30 N'atakkiriza: naye n'agenda n'amuteeka mu kkomera, amale okusasula ebbanja.
- 31 Awo baddu banne bwe baalaba bwe bibadde, ne banakuwala nnyo, ne bagenda ne babuulira mukama waabwe ebigambo byonna ebibaddeyo.
- 32 Awo mukama we n'amuyita n'amugamba nti Ggwe omuddu omubi, nakusonyiwa ebbanja liri lyonna, kubanga wanneegayirira:
- 33 naawe tekikugwanidde kusaasira muddu munno, nga nze bwe nnakusaasira ggwe?
- 34 Mukama we n'asunguwala, n'amuwa mu bambowa, amale okusasula ebbanja lyonna.
- 35 Bw'atyo Kitange ali mu ggulu bw'alibakola, bwe mutasonyiwa mu mitima gyammwe buli muntu muganda we.

Essuula 19

- 1 Awo olwatuuka Yesu bwe yamala ebigambo ebyo, n'ava e Ggaliraaya, n'ajja ku mbibi y'e Buyudaaya emitala wa Yoludaani;
- 2 ebibiina ebinene ne bimugoberera; n'abawonyeza eyo.
- 3 Abafalisaayo ne bajja gy'ali, ne bamukema, nga bagamba nti Omuntu ayinza okugoba mukazi we okumulanga buli kigambo?
- 4 N'addamu n'agamba nti Temusoma nti oyo eyabakola olubereberye nga yabakola omusajja n'omukazi,
- 5 n'agamba nti Omuntu kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina, yeetabe ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu?
- 6 obutaba babiri nate, naye omubiri gumu. Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawulangamu.
- 7 Ne bamugamba nti Kale, Musa ekyamulagiza ki okumuwa ebbaluwa ey'okwawukana, alyoke amugobe?
- 8 N'abagamba nti Olw'obukakanyavu bw'emitima gyammwe Musa kyeyava akkiriza mugobenga bakazi bammwe: naye okuva ku lubereberye tekyali bwe kityo.
- 9 Era mbagamba nti Buli anaagobanga mukazi we, wabula okumulanga ogw'obwenzi, n'awasa omulala, ng'ayenze: n'oyo awasa eyagobebwa ng'ayenze.
- 10 Abayigirizwa ne bamugamba nti Ebigambo eby'omusajja ne mukazi we bwe biba bwe bityo, si kirungi okuwasa.
- 11 N'abagamba nti Abantu bonna tebayinza kukkiriza kigambo ekyo, wabula abaki-weebwa.
- 12 Kubanga waliwo abalaawe abazaalibwa bwe batyo okuva mu mbuto za bannyaabwe; waliwo n'abalaawe abalaayibwa abantu: waliwo n'abalaawe, abeeraawa bokka olw'obwakabaka obw'omu ggulu: Ayinza okukikiriza, akikirize.
- 13 Awo ne bamuleetera abaana abato, abasseeko emikono gye, asabe: abayigirizwa ne babajunga.
- 14 Naye Yesu n'agamba nti Mubaleke abaana abato, temubagaana kujja gye ndi: kubanga abali ng'abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe.
- 15 N'abassaako emikono n'avaayo.
- 16 Laba, omuntu n'ajja gy'ali n'agamba nti Mukama wange, ndikola kigambo ki

- ekirungi, mbeere n'obulamu obutaggwaawo?
- 17 N'amugamba nti Lwaki ompita omulungi? Omulungi ali Omu: naye bw'oyagala okuyingira mu bulamu, wuliranga amateeka.
 - 18 N'amugamba nti Galuwa? Yesu n'agamba nti Tottanga, Toyendanga, Tobbanga, Towaayirizanga,
 - 19 Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko: era, Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.
 - 20 Omulenzi n'amugamba nti Ebyo byonna nabikwata: ekimpeebuuseeko ki ate?
 - 21 Yesu n'amugamba nti Bw'oyagala okuba eyatuukirira, genda otunde ebibyo, ogabire abaavu, oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje, ongoberere.
 - 22 Omulenzi bwe yawulira ekigambo ekyo, n'agenda ng'anakuwadde: kubanga yali alina obugagga bungi.
 - 23 Yesu n'agamba abayigirizwa be nti Mazima mbagamba nti Kizibu omuntu omugagga okuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu.
 - 24 Era nate mbagamba nti Kyangu eamira okuyita mu nnyindo y'empiso, okukira omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
 - 25 Abayigirizwa bwe baawulira ne beewuunya nnyo, nga bagamba nti Kale ani ayinza okulokolebwa?
 - 26 Yesu n'abatunuulira n'abagamba nti Mu bantu ekyo tekiyinzika; naye Katonda ayinza byonna.
 - 27 Awo Peetero n'addamu n'amugamba nti Laba, ffe twaleka byonna, ne tukugoberera; kale tuliba na ki?
 - 28 Yesu n'abagamba nti Mazima mbagamba nti Mmwe abangoberera, mu mazaalibwa ag'okubiri Omwana w'omuntu bw'alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye, nammwe mulituula ku ntebe ekkumi n'ebbiri, nga musalira omusango ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri.
 - 29 Na buli muntu yenna eyaleka ennyumba, oba ba luganda, oba bannyina, oba kitaawe, oba nnyina, oba baana, oba byalo, olw'erinnya lyange, aliweebwa emirundi kikumi, era alisikira obulamu obutaggwaawo.
 - 30 Naye bangi ab'olubereberye abaliba ab'oluvannyuma; n'ab'oluvannyuma abaliba ab'olubereberye.

Essuula 20

- 1 Kubanga obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana omuntu alina ennyumba ye, eyakeera enkya okupakasa abalimi balime mu lusuku lwe olw'emizabbibu.
- 2 Bwe yamala okulagaana n'abalimi eddinaali ey'olunaku olumu, n'abasindika mu lusuku lwe olw'emizabbibu.
- 3 N'afulumu essaawa nga ziri ssatu, n'alaba abalala nga bayimiridde mu katale nga tebaliiko kye bakola;
- 4 nabo n'abagamba nti Nammwe mugende mu lusuku olw'emizabbibu, nange nnaabaweera ekinaatuuka. Ne bagenda.
- 5 N'afulumu nate essaawa nga ziri mukaaga, era n'omwenda, n'akola bw'atyo.
- 6 N'afulumu essaawa nga ziri kkumi n'emu, n'asanga abalala nga bayimiridde; n'abagamba nti Kiki ekibayimiriza wano obudde okuziba nga temuliiko kye mukola?
- 7 Ne bamugamba nti Kubanga tewali muntu eyatupakasizza. N'abagamba nti Nammwe mugende mu lusuku olw'emizabbibu.
- 8 Obudde bwe bwawungeera, omwami w'olusuku olw'emizabbibu n'agamba omukoza we nti Bayite abalimi, obawe empeera, osookere ku b'oluvannyuma, okutuusa ku b'olubereberye.

- 9 N'ab'omu ssaawa ekkumi n'emu bwe bajja, ne baweebwa buli muntu eddinaali emu.
- 10 N'abo abaasooka bwe bajja, ne balowooza nti banaaweebwa okukirawo; naye nabo ne baweebwa buli muntu eddinaali emu.
- 11 Bwe baagiweebwa, ne beemulugunyiza omwami.
- 12 nga bagamba nti Bano ab'oluvannyuma bakoledde essaawa emu, n'obenkanya naffe, abaateganye enkya n'essana nga litwokya.
- 13 Naye n'addamu n'agamba omu ku abo nti Munnange, sikukoze bubu: tewalagaanye nange eddinaali emu?
- 14 Twala eyiyo, ogende; njagala okuwa ono ow'oluvannyuma nga ggwe.
- 15 Siyiza kukola byange nga bwe njagala? oba eriiso lyo bbi kubanga nze ndi mulungi?
- 16 Bwe batyo ab'oluvannyuma baliba ab'olubereberye, n'ab'olubereberye baliba ab'oluvannyuma.
- 17 Yesu bwe yali ng'ayambuka okugenda e Yerusaalemi, n'atwala abayigirizwa ekkumi n'ababiri kyama, n'abagambira mu kkubo nti
- 18 Laba, twambuka tugenda e Yerusaalemi; n'Omwana w'omuntu aliweebwayo mu bakabona abakulu n'abawandiisi; nabo balimusalira omusango okumutta,
- 19 era balimuwaayo mu b'amawanga okumuduulira, n'okumukuba, n'okumukomerera: n'alyoka azuukizibwa ku lunaku olw'okusatu.
- 20 Awo nnyina w'abaana ba Zebbedaayo n'ajja gy'ali, n'abaana be, n'amusinza, n'amusaba ekigambo.
- 21 N'amugamba nti Oyagala ki? N'amugamba nti Lagira abaana bange bano bombi batuule, omu ku mukono gwo ogwa ddyo, n'omulala ku mukono gwo ogwa kkono, mu bwakabaka bwo.
- 22 Naye Yesu n'addamu n'agamba nti Temumanyi kye musaba. Muyinza okunywa ku kikompe nze kye enda okunywako? Ne bamugamba nti Tuyinza.
- 23 N'abagamba nti Ku kikompe kyange mulinywerako ddala: naye okutuula ku mukono gwange ogwa ddyo, ne ku mukono ogwa kkono, si nze nkugaba, wabula eri abo Kitange be yakuterekerera.
- 24 Na bali ekkumi bwe baawulira, ne banyigira ab'oluganda ababiri.
- 25 Naye Yesu n'abayita gy'ali, n'agamba nti Mumanyi ng'abaami b'amawanga babafuga, n'abakulu baabwe babatwala n'amaanyi.
- 26 Tekiibenga bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe:
- 27 na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wammwe:
- 28 nga Omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo eky'abangi.
- 29 Bwe baali nga bafuluma mu Yeriko, ekibiina ekinene ne kimugoberera.
- 30 Laba, abazibe b'amaaso babiri abaali batudde ku mabbali g'ekkubo, bwe baawulira nti Yesu ayitawo, ne boogerera waggulu; nga bagamba nti Mukama waffe, tusaasire, omwana wa Dawudi.
- 31 Ekibiina ne kibabogolera, okusirika: naye bo ne beeyongerera okwogerera waggulu, nga bagamba nti Mukama waffe, tusaasire, omwana wa Dawudi.
- 32 Yesu n'ayimirira, n'abayita, n'agamba nti Mwagala mbakole ki?
- 33 Ne bamugamba nti Mukama waffe, amaaso gaffe gazibuke.
- 34 Yesu n'akwatibwa ekisa, n'akoma ku maaso gaabwe: amangu ago ne balaba, ne bamugoberera.

Essuula 21

- 1 Bwe baasembera okumpi ne Yerusaalemi, ne batuuka e Besufaage, ku lusozi olwa

- Zeyituuni awo Yesu n'atuma abayigirizwa babiri,
- 2 n'abagamba nti Mugende mu mbuga ebali mu maaso, amangu ago munaalaba endogoyi ng'esibiddwa, n'omwana gwayo nayo; muzisumulule, muzindeetere.
 - 3 Naye omu bw'anaabagamba ekigambo, munaagamba nti Mukama waffe ye azaagala; naye anaaziweereza mangu ago.
 - 4 Kino kyabaawo, ekigambo kituukirire nnabbi kye yayogera, ng'agamba nti
 - 5 Mubuulire muwala wa Sayuuni nti Laba, Kabaka wo ajja gy'oli. Omuteefu, nga yeebagadde endogoyi, N'akayana omwana gw'endogoyi.
 - 6 Abayigirizwa ne bagenda, ne bakola nga Yesu bwe yabalagira
 - 7 ne baleeta endogoyi, n'omwana gwayo, ne bazissaako engoye zaabwe; n'azituulako.
 - 8 Abantu bangi ab'omu kibiina ne baaliira engoye zaabwe mu kkubo; abalala ne batema amatabi ku miti, ne bagaaliira mu kkubo.
 - 9 Ebibiina ebyamukulemba, n'ebyo ebyava ennyuma ne byogerera waggulu, ne bigamba nti Ozaana eri omwana wa Dawudi: Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama: Ozaana waggulu mu ggulu.
 - 10 Awo bwe yayingira mu Yersaalemi, ekibuga kyonna ne kikankanyizibwa nga kigamba nti Ani ono?
 - 11 Ebibiina ne bigamba nti Ono nnabbi, Yesu ava mu Nazaaleesi eky'e Ggaliraaya.
 - 12 Yesu n'ayingira mu yeekaalu ya Katonda, n'agobera ebweru bonna abaali batundira mu yeekaalu. n'avuunika embaawo ez'abaali bawaanyisa effeeza, n'entebe ez'abaali batunda amayiba;
 - 13 n'abagamba nti Kyawandiikibwa nti Ennyumba yange eneeyitibwanga nnyumba ya kusabirangamu: naye mmwe mugifuula mpuku ya banyazi.
 - 14 Awo abazibe b'amaaso n'abalema ne bajja gy'ali mu yeekaalu: n'abawonya.
 - 15 Naye bakabona abakulu n'abawandiisi bwe baalaba eby'amagero bye yakola, n'abaana abaayogerera waggulu mu yeekaalu nga bagamba nti Ozaana eri omwana wa Dawudi; ne banyiiiga
 - 16 ne bamugamba nti Owulira bano bwe bagamba? Yesu n'abagamba nti Mpulira: temusomangako nti Mu kamwa k'abaana abato n'abawere otuukirizza ettendo?
 - 17 N'abaleka, n'afuluma mu kibuga, n'agenda e Bessaniya, n'asula eyo.
 - 18 Awo enkya bwe yali ng'addayo ku kibuga, enjala n'emuluma.
 - 19 N'alaba omutiini gumu ku mabbali g'ekkubo, n'agutuukako, n'asanga nga tekuli kintu, wabula amalagala ameereere; n'agugamba nti Tobalanga bibala emirembe n'emirembe. Amangu ago omutiini ne guwotoka.
 - 20 Abayigirizwa bwe baalaba, ne beewuunya, ne bagamba nti Omutiini guwotose gutya amangu?
 - 21 Yesu n'addamu n'abagamba nti Mazima mbagamba nti Bwe munaabanga n'okukkiriza, nga temubuusabuusa, temuukolenga kino kyokka eky'omutiini, naye bwe muligamba olusozi luno nti Situlibwa osuulibwe mu nnyanja, kirikolebwa.
 - 22 Ne byonna byonna bye munaayagalanga nga musaba, nga mukkirizza, munaabiweebwanga.
 - 23 N'ayingira mu yeekaalu, bakabona abakulu n'abakadde b'abantu ne bajja gy'ali ng'ayigiriza, ne bagamba nti Buyinza ki obukukoza bino? ani eyakuwa obuyinza buno?
 - 24 Yesu n'addamu n'abagamba nti Nange ka mbabuuze ekigambo kimu, bwe mnaakinzivuunula, era nange n'ababuulira obuyinza bwe buli obunkoza bino.
 - 25 Okubatiza kwa Yokaana kwava wa? mu ggulu nantiki mu bantu? Ne beebuuzaganya bokka na bokka, ne bagamba nti Bwe tunaagamba nti Mu ggulu: anaatugamba nti Kale kiki ekyabalobera okumukkiriza?
 - 26 Naye bwe tunaagamba nti Mu bantu; tutya abantu; kubanga bonna bamulowooza

Yokaana nga nnabbi.

- 27 Ne baddamu Yesu ne bagamba nti Tetumanyi. Naye n'abagamba nti Era nange siibabuulire obuyinza bwe buli obunkoza bino.
- 28 Naye mulowooza mutya? Waaliwo omuntu eyalina abaana be babiri; n'ajja eri ow'olubereberye, n'agamba nti Omwana, genda okole emirimu leero mu lusuku olw'emizabibibu.
- 29 N'addamu n'agamba nti aanyi: naye oluvannyuma ne yeenenya, n'agenda.
- 30 N'ajja eri ow'okubiri, n'amugamba bw'atyo. Naye n'addamu n'agamba nti Ka ende, ssebo: n'atagenda.
- 31 Ku abo bombi ani eyakola kitaawe ky'ayagala? Ne bagamba nti Ow'olubereberye. Yesu n'abagamba nti Mazima mbagamba nti abawooza n'abenzi babasooka mmwe okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
- 32 Kubanga Yokaana yajja gye muli mu kkubo ery'obutuukirivu, nammwe temwamukkiriza: naye abawooza n'abenzi baamukkiriza: nammwe, bwe mwalaba bwe mutyo, n'oluvannyuma temwenenya okumukkiriza.
- 33 Muwulire olugero olulala: Waaliwo omuntu eyalina ennyumba ye, n'asimba olusuku olw'emizabbibu, n'alukomerako olukomera, n'alusimamu essogolero, n'azimba ekigo, n'alusigira abalimi, n'atambula olugendo.
- 34 Awo omwaka bwe gwali gunaatera okutuuka ebibala okwengera, n'atuma abaddu be eri abalimi, babawe ebibala bye.
- 35 Naye abalimi ne bakwata abaddu be, omu ne bamukuba, omulala ne bamutta, omulala ne bamukasuukirira amayinja.
- 36 N'atuma nate abaddu abalala bangi okusinga ab'olubereberye: ne babakola nabo bwe batyo.
- 37 Oluvannyuma n'abatamira omwana we, ng'agamba nti Banaawulira omwana wange.
- 38 Naye abalimi bwe baalaba omwana ne bagamba bokka na bokka nti Ono ye musika; mujje, tumutte, tulye obusika bwe.
- 39 Ne bamukwata, ne bamusindiikiriza mu lusuku lw'emizabibibu, ne bamutta.
- 40 Kale, mukama w'olusuku olw'emizabbibu bw'alijja, alibakola atya abalimi abo?
- 41 Ne bamugamba nti Abo ababi alibazikiriza bubi; naye olusuku olw'emizabbibu alirusigira abalimi abalala, abanaamuweerezanga ebibala byamu mu mwaka gwabyo.
- 42 Yesu n'abagamba nti Temusomangako mu byawandiikibwa nti Ejjinja abazimbi lye baagaana Lye lyafuuka omutwe gw'ensonda: Kino kyava eri Mukama, Era kya kitalo mu maaso gaffe?
- 43 Kyenva mbagamba nti Obwakabaka bwa Katonda bulibaggibwako mmwe, buli-weebwa eggwanga eribala ebibala byabwo.
- 44 Era agwa ku jjinja lino alimenyekamenyeka: n'oyo gwe lirigwako, lirimubetenta.
- 45 Awo bakabona abakulu n'Abafalisaayo bwe baawulira engero ze, ne bategeera nti ayogedde ku bo.
- 46 Nabo bwe baali baagala okumukwata, ne batya ebibiina, kubanga byamulowooza okuba nnabbi.

Essuula 22

- 1 Yesu n'addamu n'ayogera nabo nate mu ngero, ng'agamba nti
- 2 Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa omuntu eyali kabaka, eyamufumbira omwana we embaga ey'obugole,
- 3 n'atuma abaddu be okuyita abaayitirwa embaga ey'obugole: ne batayagala kujja.
- 4 N'atuma nate abaddu abalala, ng'agamba nti Mubuulire abantu abaayitibwa nti Laba, nfumbye embaga yange; ente zange n'eza ssava zittiddwa, ne byonna byeteeseteese:

mujje ku mbaga ey' obugole.

- 5 Naye bo ne batassaayo mwoyo ne bagenda, omulala mu kyalo kye, omulala mu buguzi bwe:
- 6 abaasigalawo ne bakwata abaddu be, ne babagirira ekyejo, ne babatta.
- 7 Kabaka n' akwatibwa obusungu; n' agaba eggye lye, n' azikiriza abassi abo, n' ayokya ekibuga kyabwe.
- 8 Awo n' agamba abaddu be nti Obugole bweteeseteese, naye abo abaayitibwa tebaaanira.
- 9 Kale mugende mu masanzira g' enguudo, bonna be munaalabayo mubayite ku mbaga ey' obugole:
- 10 Abaddu bali ne bagenda mu nguudo, ne bakuaanya bonna be baalaba, ababi n' abalungi: obugole ne bujjula abagenyi.
- 11 Naye kabaka bwe yayingira okulaba abagenyi, n' alabamu omuntu atayambadde kyambalo kya bugole:
- 12 n' amugamba nti Munnange, oyingidde otya wano nga tolina kyambalo kya bugole? n' abunira.
- 13 Awo kabaka n' agamba abaweereza be nti Mumusibe emikono n' amagulu, mumusuule mu kizikiza eky' ebweru; mwe muliba okukaaba n' okuluma obujiji.
- 14 Kubanga bangi abayitibwa, naye abalondemu batono.
- 15 Awo Abafalisaayo ne bagenda, ne bateesa wamu bwe banaamutega mu bigambo.
- 16 Ne bamutumira abayigirizwa baabwe, wamu n' Abakerodiyaani, ne bagamba nti Omuyigiriza, tumanyi ng' oli wa mazima, era ng' oyigiriza mu mazima ekkubo lya Katonda, so ebigambo by' omuntu yenna tobissaako mwoyo: kubanga tososola mu bantu.
- 17 Kale tubuulire, olowooza otya? Kirungi okuwa Kayisaali omusolo, oba si weewaawo?
- 18 Naye Yesu n' ategeera obubi bwabwe, n' agamba nti Munkemera ki, mmwe bannanfu-usi?
- 19 Mundage effeeza ey' omusolo. Ne bamuleetera eddinaali.
- 20 N' abagamba nti Ekifaananyi kino n' obuwandiikeko by' ani?
- 21 Ne bamugamba nti Bya Kayisaali. Awo n' abagamba nti Kale musasule Kayisaali ebya Kayisaali; ne Katonda ebya Katonda.
- 22 Bwe baawulira, ne beewuunya, ne bamuleka, ne bagenda.
- 23 Ku lunaku olwo ne bajja gy' ali Abasaddukaayo, abagamba nti tewali kuzuukira: ne bamubuuza,
- 24 nga bagamba nti Omuyigiriza, Musa yagamba nti Omuntu bw' afanga, nga talina baana, muganda we addengawo awase mukazi we, azaalire muganda we ezzadde.
- 25 Awo ewaffe yaliyo ab' oluganda musanvu: ow' olubereberye n' awasa n' afa, naye nga bw' ataalina zzadde n' alekera muganda we mukazi we;
- 26 bw' atyo n' ow' okubiri, n' ow' okusatu, okutuusa bonna omusanvu.
- 27 Oluvannyuma, bonna nga baweddewo, omukazi n' afa.
- 28 Kale mu kuzuukira aliba muka ani ku abo omusanvu? kubanga bonna baabuna okumu-fumbirwa.
- 29 Naye Yesu n' addamu n' abagamba nti Mukyama olw' obutamanya ebyawandiikibwa, newakubadde amaanyi ga Katonda.
- 30 Kubanga mu kuzuukira tebawasa, so tebafumbirwa, naye bali nga bamalayika mu ggulu.
- 31 Naye eby' okuzuukira kw' abafu, temwasoma Katonda kye yabagamba nti
- 32 Nze ndi Katonda wa Ibulaimu, era Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo? Si Katonda wa bafu, naye wa balamu.
- 33 Ebibiina bwe byawulira ne byewuunya okuyigiriza kwe.

- 34 Naye Abafalisaayo bwe baawulira nti abunizza Abasaddukaayo, ne bakuaanira wamu.
- 35 Omu ku bo, ow'amateeka, n'amubuuza ng'amukema nti
- 36 Omuyigiriza ekiragiro ekikulu mu mateeka kiruwa?
- 37 Naye n'amugamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna.
- 38 Kino kye kiragiro ekikulu eky'olubereberye.
- 39 N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeya-gala wekka.
- 40 Mu biragiro bino byombi amateeka gonna mwe gasinziira, era ne bannabbi.
- 41 Abafalisaayo bwe baakuaana, Yesu n'ababuuza,
- 42 ng'agamba nti Kristo mumulowooza mutya? ye mwana w'ani? Ne bamugamba nti Wa Dawudi.
- 43 N'abagamba nti Kale, Dawudi mu Mwoyo kiki ekimuyisa Mukama we, ng'agamba nti
- 44 Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutu-usa lwe ndissa abalabe bo wansi w'ebigere byo?
- 45 Kale oba nga Dawudi amuyita Mukama we, ali atya omwana we?
- 46 Ne wataba muntu eyayinza okumuddamu ekigambo, era okuva ku lunaku olwo tewali muntu eyayaanga okumubuuza ekigambo nate.

Essuula 23

- 1 Awo Yesu n'ayogera n'ebibiina n'abayigirizwa be,
- 2 ng'agamba nti Abawandiisi n'Abafalisaayo batudde ku ntebe ya Musa:
- 3 kale ebigambo byonna bye babagamba, mubikole mubikwate: naye temukola nga bo bwe bakola; kubanga boogera naye tebakola.
- 4 Era basiba emigugu egizitowa egiteetikika, bagitikka abantu ku kibegabega; naye bo bennyini tebaagala kuginyeenyaako n'engalo yaabwe.
- 5 Naye ebikolwa byabwe byonna babikola era abantu babirabe, kubanga bagaziya fulakuteri zaabwe, era bongerako amatanvuwa,
- 6 era baagala ebifo eby'oku manjo ku mbaga, n'entebe ez'ekitiibwa mu makuaaniri,
- 7 n'okulamusiibwa mu butale, n'okuyitibwa abantu nti Labbi.
- 8 Naye mmwe temuyitibwanga Labbi: kubanga, omuyigiriza wammwe ali omu, nammwe mwenna muli ba luganda.
- 9 Era temuyitanga muntu ku nsi kitammwe: kubanga Kitammwe ali omu, ali mu ggulu.
- 10 So temuyitibwanga balagirizi: kubanga omulagirizi wammwe ali omu, ye Kristo.
- 11 Naye mu mmwe abasinga obukulu anaabanga muweereza wammwe.
- 12 Na buli aneegulumizanga anakkakkanyizibwanga; na buli aneekakkanyanga anaagulumizibwanga.
- 13 Naye ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi kubanga mugalira obwakabaka obw'omu ggulu mu maaso g'abantu; kubanga mmwe temuyingira, n'abo ababa bayingira temubaganya kuyingira.
- 14 Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi Kubanga mulya ennyumba za bannamwandu, era ne mwefuula abasaba ennyo: n'olwekyo mulibaako omusango ogusinga obunene.
- 15 Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi kubanga mwetooloola mu nnyanja ne ku lukalu okukyusa omuntu omu naye bw'alabika, mumufuula mwana wa Ggeyeena emirundi ebiri okukira mmwe.
- 16 Ziribasanga mmwe, abasaale abazibe b'amaaso, abagamba nti Buli anaalayiranga yeekaalu, nga si kintu; naye buli anaalayiranga ezaabu ey'omu yeekaalu, ng'azzizza

omusango.

- 17 Mmwe abasiru era abazibe b'amaaso; kubanga ekikira obukulu kiruwa, ezaabu, oba yeekaalu etukuza ezaabu?
- 18 Oba mugamba nti Omuntu bw'anaalayiranga ekyoto, nga si kintu; naye buli anaalayiranga ekitone ekiriko, ng'azzizza omusango.
- 19 Mmwe abazibe b'amaaso: kubanga ekikira obukulu kiruwa, ekitone, oba ekyoto ekitukuza ekitone?
- 20 Naye alayira ekyoto, alayira kyo, ne byonna ebiriko.
- 21 Naye alayira yeekaalu alayira yo, n'oyo atuula omwo.
- 22 Naye alayira eggulu, alayira ntebe ya Katonda, n'oyo agituulako.
- 23 Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi! kubanga muwa ekitungu eky'ekumi ekya nnabbugira ne aneta ne kkumino, ne mulekayo ebigambo ebikulu eby'amateeka, obutalyanga nsonga, n'ekisa, n'okukkirizanga: naye bino kyabagwanira okubikola, era na biri obutabirekaayo.
- 24 Mmwe abasaale abazibe b'amaaso abasengejja ensiri, ne mumira eamira.
- 25 Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi! kubanga munaaza kungulu ku kikompe n'ekibya, naye munda mujjudde obunyazi n'obuteegendereza.
- 26 Ggwe Omufalisaayo omuzibe w'amaaso, sooka onaaze munda mu kikompe n'ekibya, ne kungulu kwakyo kulyoke kube kulungi.
- 27 Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi kubanga mufaanana amalaalo agasiigibwa okutukula, agalabika kungulu nga gawoomye, naye munda mujjudde amagumba g'abafu, n'empitambi yonna.
- 28 Bwe mutyo nammwe kungulu mulabika mu bantu nga muli batuukirivu, naye munda mujjudde obunnanfuusi n'obujeemu.
- 29 Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi! kubanga muzimba amalaalo ga bannabbi, muwoomya ebiggya by'abatuukirivu,
- 30 ne mugamba nti Singa twaliwo mu biro bya bajjajaffe, tetwandissizza kimu nabo mu musaayi gwa bannabbi.
- 31 Bwe mutyo mwetegeeza mwekka nti muli baana baabwe abatta bannabbi.
- 32 Kale mujjuze ekigera kya bajjajammwe.
- 33 Mmwe emisota, abaana b'embalasaasa, mulidduka mutya omusango ogwa Ggeyeena?
- 34 Laba, kyenya mbatumira bannabbi, n'ab'amagezi, n'abawandiisi: n'abamu ku bo mulibatta mulibakomerera; n'abalala mulibakuba emiggo mu makuaaniro gammwe, mulibayigganya mu byalo byonna:
- 35 mulyoke mujjirwe omusaayi gwonna omutuukirivu ogwayiika ku nsi, okusookera ku musaayi gwa Abiri oyo omutuukirivu okutuusa ku musaayi gwa Zaakaliya omwana wa Balakiya, gwe mwattira wakati wa yeekaalu n'ekyoto.
- 36 Mazima mbagamba nti Ebigambo bino byonna birituukirira ab'emirembe gino.
- 37 Yersaalemi, Yersaalemi, atta bannabbi, akasuukirira amayinja abantu abatumbwa gy'ali! emirundi emeka gye nnayagalira ddala okukuaanya abaana bo, ng'enkoko bw'ekunnaanya obwana bwayo munda w'ebiwaawaatiro byayo, ne mutayagala!
- 38 Laba, ennyumba yammwe ebalekeddwa kifulukwa.
- 39 Kubanga mbagamba nti Temulindabako n'akatono okusooka leero, okutuusa lwe mulyogera nti Aweebwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama.

Essuula 24

- 1 Yesu n'afuluma mu yeekaalu; yali ng'atambula, abayigirizwa be ne bajja okumulaga amazimba ga yeekaalu:
- 2 Naye n'addamu n'abagamba nti Temulaba bino byonna? mazima mbagamba nti

Tewalisigala wano jjinja eriri kungulu ku jjinja eritalisuulibwa wansi.

- 3 Bwe yali atudde ku lusozi olwa Zeyituuni, abayigirizwa ne bajja gy'ali kyama, ne bagamba nti Tubuulire bino we biribeererawo n'akabonero ak'okujja kwo bwe kaliba, n'ak'emirembe gino okuggwaawo?
- 4 Yesu n'addamu n'abagamba nti Mulabe omuntu yenna tabakyamyanga.
- 5 Kubanga bangi abalijja mu linnya lyange, nga bagamba nti Nze Kristo; balikyamyanga bangi.
- 6 Muliwulira entalo n'ettutumu ly'entalo: mulabe temweraliikiriranga: kubanga tebirirema kubaawo; naye enkomerero ng'ekyali.
- 7 Kubanga eggwanga liritabaala eggwanga ne kabaka alitabaala kabaka: walibaawo enjala n'ebikankano mu bifo ebitali bimu.
- 8 Naye ebyo byonna lwe lubereberye lw'okulumwa.
- 9 Lwe balibawaayo mmwe mubonyebonyezebwe, balibatta: nammwe mulikyayibwa amawanga gonna okubalanga erinnya lyange.
- 10 Mu biro ebyo bangi abalyesittala, baliwaanayo, balikyawagana.
- 11 Ne bannabbi bangi ab'obulimba balijja, balikyamyanga bangi.
- 12 Era kubanga obujeemu buliyinga obungi, okwagala kw'abasinga obungi kuliwola.
- 13 Naye agumiikiriza okutuuka ku nkomerero, ye alirokolebwa.
- 14 N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna; awo enkomerero n'eryoka ejja.
- 15 Kale bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza, Danyeri nnabbi kye yayogerako, nga kiyimiridde mu kifo ekitukuvu, (asomamu ategeere),
- 16 kale abali mu Buyudaaya baddukiranga ku nsozi:
- 17 ali waggulu ku nju takkanga kuggyamu bintu ebiri mu nju ye:
- 18 ali mu lusuku taddanga nate kutwala kyambalo kye.
- 19 Naye ziribasanga abali embuto n'abayonsa mu nnaku ezo!
- 20 Nammwe musabe ekidduko kyammwe kireme okuba mu biro eby'empewo, newakubadde ku ssabbiiti:
- 21 kubanga mu biro ebyo waliba ekibonyoobonyo ekinene, nga tekibangawo kasookedde ensi ebaawo okutuusa leero, era tekiribaawo nate.
- 22 Ennaku ezo singa tezasalibwako, tewandirokose buli alina omubiri: naye olw'abalonde ennaku ezo zirisalibwako.
- 23 Mu biro ebyo omuntu bw'abagambanga nti Laba, Kristo ali wano, oba nti Wano; temukkirizanga.
- 24 Kubanga walijja bakristo ab'obulimba, ne bannabbi ab'obulimba, n'abo balikola obubonero obukulu n'eby'amagero; n'okukyamyanga bakyamyanga n'abalonde, oba nga kiyinzika.
- 25 Laba, mbalabudde.
- 26 Kale bwe babagambanga nti Laba, ali mu ddungu; temufulumanga: laba, ali mu bisenge munda; temukkirizanga.
- 27 Kubanga ng'okumyansa bwe kuva ebuwanjuba, ne kulabikira ebugwanjuba; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.
- 28 Awaba omulambo wonna, awo ensegga we zikuaanira.
- 29 Naye amangu ago, oluvannyuma lw'ekibonyoobonyo eky'omu nnaku ezo enjuba erifuuka ekizikiza, n'omwezi tegulyolesa musana gwagwo, n'emmunyeenye zirigwa okuva mu ggulu, n'amaanyi ag'omu ggulu galinyeenyebwa:
- 30 awo lwe kalirabika akabonero ak'Omwana w'omuntu mu ggulu: n'ebika byonna eby'ensi lwe birikuba ebiwoobe, biriraba Omwana w'omuntu ng'ajja ku bire eby'eggulu n'amaanyi n'ekitiibwa ekinene.
- 31 Era alituma bamalayika be n'eddoboozi ddene ery'ekkondeere, nabo balikuaanya

abalonde be mu mpewo ennya, okuva ku nkomerero y'eggulu n'okutuusa ku nkomerero yaalyo.

- 32 Era muyigire ku mutiini olugero lwagwo: ettabi lyagwo bwe ligejja, amalagala ne gatojjera, mutegeera ng'omwaka guli kumpi;
- 33 bwe mutyo nammwe, bwe mulaba ebigambo ebyo byonna, mutegeere nti ali kumpi, ku luggi.
- 34 Mazima mbagamba nti Emirembe gino tegiriggwaawo, okutuusa ebyo byonna lwe birikolebwa.
- 35 Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ebigambo byange tebiriggweerawo ddala.
- 36 Naye eby'olonaku luli n'ekiseera tewali abimanyi, newakubadde bamalayika ab'omu ggulu, newakubadde Omwana, wabula Kitange yekka.
- 37 Naye ng'ennaku za Nuuwa bwe zaali, bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.
- 38 Kuba nga bwe baali ku nnaku ezo ezaasooka amataba nga balya nga banywa, nga bawasa nga bawayiza, okutuuka ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato,
- 39 ne batamanya okutuusa amataba lwe gajja, ne gabatwala bonna; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.
- 40 Mu biro ebyo abasajja babiri baliba mu kyalo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa:
- 41 abakazi babiri baliba nga basa ku lubengo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa.
- 42 Kale mutunule; kubanga temumanyi lunaku bwe luli Mukama wammwe lw'ajjirako.
- 43 Naye kino mukitegeere nti Alina enju ye singa yamanya ekisisimuka bwe kiri omubbi ky'anajjiramu, yanditunudde, teyandirese nnyumba ye kusimibwa.
- 44 Mukale nammwe mweteeketeke: kubanga mu kiseera kye mutalowoolezaamu Omwana w'omuntu ky'ajjiramu.
- 45 Kale aluwa nate omuddu oyo omwesigwa ow'amagezi, mukama we gwe yasigira ab'omu nju ye, okubawanga emmere yaabwe mu kiseera kyayo?
- 46 Omuddu oyo alina omukisa, mukama we gw'alisanga ng'azze ngakola bw'atyo.
- 47 Mazima mbagamba nti alimusigira ebintu bye byonna.
- 48 Naye omuddu oyo omubi bw'aligamba mu mutima gwe nti Mukama wange aludde;
- 49 era bw'alisooka okukuba baddu banne, n'okulya n'okunywera awamu n'abatamiivu;
- 50 mukama w'omuddu oyo alijjira ku lunaku lw'atalindiririramu, ne mu kiseera ky'atamanyi,
- 51 alimutemamu ebitundu bibiri, alimuwa omugabo gwe wamu ne bannanfuusi: mwe muliba okukaaba n'okuluma obujji.

Essuula 25

- 1 Mu biro ebyo obwakabaka obw'omu ggulu bulifaananyizibwa abawala ekkumi, abaatwala ettabaaza zaabwe, ne bagenda okusisinkana anaawasa omugole.
- 2 Naye bannaabwe abataano baali basirusiru, n'abataano be baalina amagezi.
- 3 Kubanga abasirusiru, bwe baatwala ettabaaza zaabwe, ne bateetwalira mafuta:
- 4 naye abalina amagezi ne batwala amafuta mu macupa gaabwe wamu n'ettabaaza zaabwe.
- 5 Naye anaawasa omugole bwe yalwayo, bonna ne babongoota ne beebaka.
- 6 Naye ekiro mu ttumbi ne waba oluyooogaano nti Laba, anaawasa omugole ajja! Mufulume okumusisinkana.
- 7 Abawala bali bonna ne balyoka bagolokoka, ne balongoosa ettabaaza zaabwe.
- 8 Abasirusiru ne bagamba abalina amagezi nti Mutuwe ku mafuta gammwe; kubanga ettabaaza zaffe ziggweerera.

- 9 Naye abaalina amagezi ne baddamu, ne bagamba nti Wozzi tegaatumale fenna nammwe: waakiri mugende eri abatunda, mwegulire.
- 10 Bwe baali bagenda okugula, anaawasa omugole n'ajja: n'abo abaali beeteeseteese ne bayingira naye mu mbaga ey'obugole: oluggi ne luggalwawo.
- 11 Oluvannyuma abawala bali abalala nabo ne bajja, ne bagamba nti Mukama waffe, mukama waffe, tuggulirewo.
- 12 Naye n'addamu n'agamba Mazima mbagamba nti sibamanyi:
- 13 Kale mutunule, kubanga temumanyi lunaku newakubadde ekiseera.
- 14 Kubanga buli ng'omuntu eyali agenda okutambula mu nsi endala, n'ayita abaddu be, n'abalekera ebintu bye.
- 15 N'awa omu ettalanta ttaano, omulala bbiri, omulala emu; buli muntu ng'obuyinza bwe bwe bwali; n'agenda,
- 16 Amangu ago oli eyaweebwa ettalanta ettaano n'agenda n'azisuubuzisa n'aviisaamu ettalanta ttaano endala.
- 17 Bw'atyo n'oli eyaweebwa ettalanta ebbiri n'aviisaamu bbiri endala.
- 18 Naye oli eyaweebwa emu n'agenda n'asima mu ttaka, n'akweka effeeza ya mukama we.
- 19 Awo ebiro bingi bwe byayita, mukama w'abaddu bali n'ajja, n'abala nabo omuwendo.

- 20 N'oli eyaweebwa ettalanta ettaano n'ajja n'aleeta ettalanta ettaano endala, n'agamba nti Mukama wange, wandekera ettalanta ttaano: laba, naviisaamu ettalanta ttaano endala.
- 21 Mukama we n'amugamba nti Weebale, oli muddu mulungi mwesigwa: wali mwe-sigwa mu bitono, ndikusigira ebingi: yingira mu ssanyu lya mukama wo.
- 22 N'oli eyaweebwa ettalanta ebbiri n'ajja n'agamba nti Mukama wange, wandekera ettalanta bbiri: laba, naviisaamu ettalanta bbiri endala.
- 23 Mukama we n'amugamba nti Weebale, oli muddu mulungi mwesigwa; wali mwe-sigwa mu bitono, ndikusigira ebingi: yingira mu ssanyu lya mukama wo.
- 24 N'oli eyaweebwa ettalanta emu n'ajja n'agamba nti Mukama wange, nakumanya ng'oli muntu mukakanavu ng'okungulira gy'otaasigira, ng'okuaanyiza gy'otaayiyira:
- 25 ne ntya, ne enda, ne ngikweka mu ttaka ettalanta yo: laba, eyiyo oli nayo.
- 26 Naye mukama we n'addamu n'amugamba nti Oli muddu mubi mugayaavu, wamanya nti nkungulira gye ssaasigira, nkuaanyiza gye ssaayiyira;
- 27 kale kyakugwanira okugiwa abasuubuzi effeeza yange, nange bwe nnandizze nandi-weereddwa eyange n'amagoba gaamu.
- 28 Kale mumuggyeeko ettalanta, mugiwe oli alina ettalanta ekkumi.
- 29 Kubanga buli muntu alina aliweebwa, era aliba na bingi: naye atalina, aliggibwako na kiri ky'ali nakyo.
- 30 N'omuddu oyo ataliiko ky'agasa mumusuule mu kizikiza eky'ebweru: mwe muliba okukaaba n'okuluma obujiji.
- 31 Naye Omwana w'omuntu bw'alijjira mu kitiibwa kye, ne bamalayika bonna nga bali naye, awo bw'alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye:
- 32 n'amawanga gonna galikuaanyizibwa mu maaso ge; naye alibayawulamamu ng'omusumba bw'ayawulamamu endiga n'embuzi:
- 33 endiga aliziteeka ku mukono gwe ogwa ddyo, naye embuzi ku mukono ogwa kkono.
- 34 Awo Kabaka aligamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi:
- 35 kubanga nnalina enjala ne mumpa ekyokulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza;

- 36 nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnambula: nnali mu nvuba, ne mujja mundaba.
- 37 Awo abatuukirivu balimuddamu nga bagamba nti Mukama waffe, twakulaba ddi ng'olina enjala ne tukuliisa? oba ng'olina ennyonta ne tukunywesa?
- 38 Era twakulaba ddi ng'oli mugenyi ne tukusuza? oba ng'oli bwereere ne tukwambaza?
- 39 Era twakulaba ddi ng'oli mulwadde, oba mu nvuba, ne tujja tukulaba?
- 40 Ne Kabaka aliddamu alibagamba nti Mazima mbagamba nti Nga bwe mwakola omu ku abo baganda bange abasinga obuto, mwakikola nze.
- 41 Awo libagamba n'abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti Muveewo we ndi, mmwe abaakolimirwa, mugende mu muliro ogutaggwaawo ogwateekerwateekerwa Setaani ne bamalayika be:
- 42 kubanga nnalina enjala, temwampa kyakulya: nnalina ennyonta, temwannywesa:
- 43 nnali mugenyi, temwansuza: nnali bweere, temwannyambaza: mulwadde, ne mu nvuba, temwannambula.
- 44 Awo nabo baliddamu, nga bagamba nti Mukama waffe, twakulaba ddi ng'olina enjala, oba ng'olina ennyonta, oba mugenyi, oba bweere, oba mulwadde, oba mu nvuba, ne tutakuweereza?
- 45 Awo alibaddamu, ng'agamba nti Mazima ntagamba nti Nga bwe mutaakola omu ku abo abasinga obuto, temwakikola nze.
- 46 Ne bano baligenda mu kibonerezo ekitaggwaawo; naye abatuukirivu baligenda mu bulamu obutaggwaawo.

Essuula 26

- 1 Awo olwatuuka Yesu bwe yamala ebigambo ebyo byonna, n'agamba abayigirizwa be nti
- 2 Mumanyi nti olw'ebbiri walibaawo Okuyitako, n'Omwana w'omuntu aliweebwayo okukomererwa.
- 3 Awo bakabona abakulu n'abakadde b'abantu ne bakuaanira mu kigango kya kabona asinga obukulu, eyayitibwa Kayaafa;
- 4 ne bateeseza wamu Yesu okumukwasa amagezi, bamutte.
- 5 Naye ne bagamba nti Tuleme okumukwatira ku lunaku olukulu, abantu baleme okukaayana.
- 6 Naye Yesu bwe yali mu Bessaniya, mu nju ya Simooni omugenge,
- 7 omukazi n'ajja gy'ali, eyalina eccupa ey'amafuta ag'omugavu ag'omuwendo omungi ennyo, n'agamufuka ku mutwe, ng'atudde alya.
- 8 Naye abayigirizwa bwe baalaba, ne banyiiiga ne bagamba nti Gafudde ki gano?
- 9 Kubanga gano singa gatundiddwa gandivuddemu ebintu bingi, okuwa abaavu.
- 10 Naye Yesu bwe yategeera n'abagamba nti Munakuwaliza ki omukazi? kubanga ankoze ekigambo ekirungi.
- 11 Kubanga abaavu be muli nabo bulijjo; naye temuli nange bulijjo.
- 12 Kubanga bw'afuse amafuta gano ku mubiri gwange, anziraze okunziika.
- 13 Mazima mbagamba nti Enjiri eno buli gy'eneebuulirwanga mu nsi zonna, n'ekyo omukazi ono ky'akoze kinaayogerwangako okumujjukira.
- 14 Awo omu ku abo ekkumi n'ababiri, eyayitibwa Yuda Isukalyoti, n'agenda eri bakabona abakulu,
- 15 n'agamba nti Mukkiriza kumpa ki, nange ndimuwaayo gye muli? Ne bamugerera ebitundu bya ffeeza amakumi asatu.
- 16 N'asookera awo okunoonya ebbanga bw'anaamuwaayo.
- 17 Naye ku lunaku olusookerwako olw'emigaati egitazimbulukuswa, abayigirizwa ne

bajja eri Yesu, ne bagamba nti Oyagala tuteekereteekere wa Okuyitako gy'onookuliira?

- 18 N'agamba nti Mugende mu kibuga ewa gundi, mumugambe nti Omuyigiriza agambye nti Ekiseera kyange kinaatera okutuuka; ewuwo gye nnaaliira Okuyitako n'abayigirizwa bange.
- 19 Abayigirizwa ne bakola nga Yesu bw'abalagidde; ne bateekateeka Okuyitako.
- 20 Awo obudde bwe bwawungeera, n'atuula okulya n'abayigirizwa ekkumi n'ababiri;
- 21 era baali balya; n'agamba nti Mazima mbagamba nti omu ku mmwe anandyamu olukwe.
- 22 Ne banakuwala nnyo, ne batanula kinnoomu okumugamba nti Mukama wange, ye nze?
- 23 Naye n'addamu n'agamba nti Oyo akozezza awamu nange mu kibya, ye anandyamu olukwe.
- 24 Omwana w'omuntu agenda, nga bwe yawandiikirwa: naye zisanze omuntu oyo anaalyamu olukwe Omwana w'omuntu! kyandibadde kirungi eri oyo singa teyazaalibwa omuntu oyo.
- 25 Yuda, eyamulyamu olukwe, n'addamu n'agamba nti Labbi, ye nze? N'amugamba nti Ggwe oyogedde.
- 26 Era baali bakyalya, Yesu n'atoola omugaati, ne yeebaza, n'agumenyamu; n'awa abayigirizwa, n'agamba nti Mutoole, mulye; guno gwe mubiri gwange.
- 27 N'atoola ekikompe, ne yeebaza, n'abawa, ng'agamba nti Munywe ku kino mwenna;
- 28 kubanga kino gwe musaayi gwange ogw'endagaano, oguyiika ku lw'abangi olw'okugyawo ebibi.
- 29 Naye mbagamba nti Sirinywa n'akatono okusooka leero ku guno ogubala ku muzabibibu, okutuusa ku lunaku luli lwe ndigunywa omuggya awamu nammwe mu bwakabaka bwa Kitange.
- 30 Bwe baamala okuyimba ne bafulumu okugenda ku lusozi olwa Zeyituuni.
- 31 Awo Yesu n'abagamba nti Mmwe mwenna munesittala ku lwange ekiro kino: kubanga kyawandiikibwa nti Ndikuba omusumba, n'endiga ez'omu kisibo zirisaasaanyizibwa.
- 32 Naye bwe ndimala okuzuukizibwa, ndibakulembera okugenda e Ggaliraaya.
- 33 Naye Peetero n'addamu n'amugamba nti Bonna bwe baneesittala ku lulwo, nze seesitale n'akatono.
- 34 Yesu n'amugamba nti Mazima nkugamba nti Mu kiro kino, enkoko eneeba tenakookolima, ononneegaana emirundi esatu.
- 35 Peetero n'amugamba nti Newakubadde nga kiiwanira okufiira awamu naawe, siikwegaane n'akatono. N'abayigirizwa bonna ne boogera bwe batyo.
- 36 Awo Yesu n'atuuka nabo mu kifo ekiyitibwa Gesusemane, n'agamba abayigirizwa be nti Mutuule wano, ende eri nsabe.
- 37 N'atwala Peetero n'abaana ba Zebbedaayo bombi, n'atanula okunakuwala n'okweralikirira ennyo.
- 38 Awo n'abagamba nti Omwoyo gwange guliko ennaku nnyingi, zigenda kunzita : mubeere wano, mutunule nange.
- 39 N'atambulako katono, n'avuunama, n'asaba, n'agamba nti Ai Kitange, ekikompe kino kinveeko, oba kiyinzika: naye si nga nze bwe njagala wabula nga ggwe bw'oyagala.
- 40 Nadda eri abayigirizwa, n'abasanga nga beebase, n'agamba Peetero nti Kazzi temuyinzizza kutunula nange n'essaawa emu?
- 41 Mutunule musabe, muleme okuyingira mu kukemebwa: omwoyo gwe gwagala naye omubiri gwe munafu.
- 42 Nate n'agenda omulundi ogw'okubiri, n'asaba, ng'agamba nti Ai Kitange, oba nga

kino tekiyinza kunvaako, wabula nze okukinywa, ky'oyagala kikolebwe.

- 43 N'ajja nate n'abasanga nga beebase, kubanga amaaso gaabwe gaali gakambagga.
- 44 N'abaleka nate, n'agenda, n'asaba omulundi ogw'okusatu, n'ayogera nate ebigambo bimu na biri.
- 45 Awo n'ajja eri abayigirizwa, n'abagamba nti Mwebakire ddala kaakano, muwummule: laba, ekiseera kinaatera okutuuka, n'Omwana w'omuntu aweereddwayo mu mikony'abalina ebibi.
- 46 Muyimuke tugende: laba, andyamu olukwe anaatera okutuuka.
- 47 Yali akyayogera, laba, Yuda, omu ku kkumi n'ababiri, n'ajja, ng'alina ebibiina bingi ebirina ebitala n'emiggo, nga bava eri bakabona abakulu n'abakadde b'abantu.
- 48 Naye oyo amulyamu olukwe yabawa akabonero, ng'agamba nti Gwe nnaanywegera, nga ye wuuyo: mumukwate.
- 49 Amangu ago n'ajja awali Yesu, n'agamba nti Mirembe, Labbi; n'amunywegera nnyo.
- 50 Yesu n'amugamba nti Munnange, kola ky'ojjiridde. Awo ne bajja, Yesu ne bamussaako emikono, ne bamukwata.
- 51 Laba, omu ku abo abaali ne Yesu, n'agolola omukono, n'asowola ekitala kye, n'atema omuddu wa kabona asinga obukulu, n'amusalako okutu.
- 52 Awo Yesu n'amugamba nti Ekitala kyo kizze mu kifo kyakyo: kubanga abo bonna abakwata ekitala balifa kitala.
- 53 Oba olowooza nti ssiyinza kwegayirira Kitange, naye n'ampeereza kaakano bamalayika okusinga liigyoni ekkumi n'ebiri?
- 54 Kale binaatuukirira bitya ebyawandiikibwa nti kigwanira okuba bwe bityo?
- 55 Mu kiseera ekyo Yesu n'agamba ebibiina nti Muli ng'abajjiridde omunyazi n'ebitala n'emiggo okunkwata? Nnatuulanga buli lunaku mu yeekaalu nga njigiriza, ne mutankwata.
- 56 Naye kino kyonna kituuse, bannabbi bye baawandiika era bituukirizibwe. Awo abayigirizwa bonna ne bamwabalira, ne badduka.
- 57 Ne bali abaakwata Yesu, ne bamutwala ewa Kayaafa kabona asinga obukulu, abawandiisi n'abakadde gye baakuanira.
- 58 Naye Peetero n'amuvaako ennyuma wala, okutuuka mu kigango kya kabona asinga obukulu, n'ayingira munda, n'atuula n'abaweereza, alabe we binakkira.
- 59 Naye bakabona abakulu n'ab'omu lukiiko bonna ne banoonya obujulirwa obw'obulimba ku Yesu, balyoke bamutte;
- 60 ne batabulaba, newakubadde ng'abajulirwa ab'obulimba bangi abajja. Naye oluvannyuma ne bajja babiri,
- 61 ne bagamba nti Ono yagamba nti Nnyinza okumenya yeekaalu ya Katonda, n'okugizimbira ennaku ssatu.
- 62 Kabona asinga obukulu n'ayimirira, n'amugamba nti Toyanukula n'akatono? kigambo ki bano kye bakulumiriza?
- 63 Naye Yesu n'asirika. Kabona asinga obukulu n'amugamba nti Nkulayiza Katonda omulamu, tubuulire oba nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda.
- 64 Yesu n'amugamba nti Oyogedde: naye mbagamba nti Okusooka leero muliraba Omwana w'omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi, ng'ajjira ku bire eby'eggulu.
- 65 Awo kabona asinga obukulu n'ayuza ebyambalo bye, n'agamba nti Avvodde Katonda: twagalira ki nate abajulirwa? laba, muwulidde kaakano obuvvoozi bwe:
- 66 mulowooza mutya? Ne baddamu ne bagamba nti Agwanidde kufa.
- 67 Awo ne bamuwandira amalusu mu maaso ge, ne bamukuba ebikonde: abalala ne bamukuba empi
- 68 nga bagamba nti Tulagule Kristo: ani akukubye?

- 69 Naye Peetero yali atudde bweru mu kigango: omuwala n'ajja gy'ali, n'agamba nti Naawe wali wamu ne Yesu Omugaliraaya.
- 70 Naye ne yeegaanira mu maaso ga bonna ng'agamba nti Ky'ogamba sikimanyi.
- 71 Naye bwe yafuluma okutuuka mu kisasi, omuwala omulala n'amulaba n'agamba abantu abaali awo nti N'ono yali wamu ne Yesu Omunazaaleesi.
- 72 Ne yeegaana nate, n'alayira nti Omuntu oyo simumanyi.
- 73 Ne wayitawo ebba nga ttono, abaali bayimiridde awo ne bajja ne bagamba Peetero nti Mazima naawe oli munnaabwe; kubanga enjogera yo ekutegeezezza.
- 74 Awo n'atanula okukolima n'okulayira nti Omuntu oyo simumanyi. Amangu ago enkoko n'ekookolima.
- 75 Peetero n'ajjukira ekigambo Yesu kye yagamba nti Enkoko eneeba tennaba kukookolima ononneegaanira emirundi esatu. N'afuluma ebweru, n'akaaba nnyo amaziga.

Essuula 27

- 1 Naye obudde bwe bwakya bakabona abakulu bonna n'a bakadde b'abantu ne bateesa wamu ebya Yesu okumutta:
- 2 ne bamusiba, ne bamutwala, ne bamuwaayo eri Piraato ow'essaza.
- 3 Awo Yuda, eyamulyamu olukwe, bwe yalaba ng'omusango gumusinze, ne yejjusa, n'addiza bakabona abakulu n'abakadde ebitundu ebyo amakumi asatu ebya ffeeza
- 4 ng'agamba nti Nnayoona okulyamu olukwe omusaayi ogutalina kabi. Naye bo ne bamugamba nti Guno guli ku ffe? musango gwo.
- 5 Effeeza n'azisuula mu yeekaalu n'afuluma, n'agenda yeetuga.
- 6 Naye bakabona abakulu ne batwala ebitundu biri ebya ffeeza, ne bagamba nti Kya muzizo okubiteeka mu ggwanika lya Katonda, kubanga muwendo gwa musaayi.
- 7 Ne bateesa, ne bazigulamu olusuku lw'omubumbi, okuziikangamu abagenyi.
- 8 Olusuku luli kyeruva luyitibwa olusuku lw'omusaayi, ne kaakano.
- 9 Awo lwe kyatuukirira ekyayogererwa mu nnabbi Yereimiya, ng'agamba nti Ne batwala ebitundu ebya ffeeza amakumi asatu, omuwendo gw'oyo gwe baalamula omuwendo, abantu ku baana ba Isiraeri gwe baalamula;
- 10 ne babiggyamu olusuku lw'omubumbi, nga Mukama bwe yandagira.
- 11 Awo Yesu n'ayimirira mu maaso g'ow'essaza: ow'essaza n'amubuuza ng'agamba nti Ggwe Kabaka w'Abayudaaya? Yesu n'amugamba nti Oyogedde.
- 12 Bakabona abakulu n'abakadde bwe baamuloopa, n'ataddamu n'akatono.
- 13 Awo Piraato n'amugamba nti Towulira bigambo bino bye bakulumiriza bwe biri?
- 14 Naye teyamuddamu na kigambo na kimu: ow'essaza n'okwewuunya ne yeewuunya nnyo.
- 15 Naye ku mbaga ow'essaza yalina empisa okusumululiranga ekibiina omusibe omu, gwe baayagalanga.
- 16 Era mu biro ebyo baalina omusibe omumanyi, ayitibwa Balaba.
- 17 Awo bwe baakuaana, Piraato n'abagamba nti Aluwa gwe mwagala mmubasumululire? Balaba, oba Yesu ayitibwa Kristo?
- 18 Kubanga yamanya nga bamuweezezzaayo buggya.
- 19 Naye bwe yatuula ku ntebe ey'emisango, mukazi we n'amutumira, ng'agamba nti Omuntu oyo omutuukirivu tomukola kintu n'akatono: kubanga nnalumiddwa leero bingi mu kirooto ku lulwe.
- 20 Naye bakabona abakulu n'abakadde ne babuulirira ebibiina okusaba Balaba, bazikirize Yesu.
- 21 Naye ow'essaza n'addamu n'abagamba nti Ku abo bombi aluwa gwe mwagala

- mmubasumululire? Ne bagamba nti Balaba.
- 22 Piraato n'abagamba nti Kale nnaakola ntya Yesu ayitibwa Kristo? Bonna ne bagamba nti Akomererwe.
 - 23 Naye n'agamba nti Lwaki? ekibi ky'akoze kiruwa? Naye ne bakaayana nnyo, ne bagamba nti Akonererwe.
 - 24 Naye Piraato bwe yalaba nga taasobole n'akatono, era nga bayinze okukaayana, n'addira amazzi, n'anaaba mu ngalo mu maaso g'ekibiina ng'agamba nti Nze siriiko kabi olw'omusaayi gw'omuntu ono omutuukirivu: musango gwammwe.
 - 25 Abantu bonna ne baddamu ne Bagamba nti Omusaayi gwe gubeere ku ffe, ne ku baana baffe.
 - 26 Awo n'abasumululira Balaba : naye Yesu n'amukuba enkoba n'alyoka amuwaayo okukomererwa.
 - 27 Awo basserikale b'ow'essaza ne batwala Yesu mu kigango eky'emisango, ne bamukuaanyizaako ekitongole kyonna.
 - 28 Ne bamwambula, ne bamwambaza olugoye olumyufu.
 - 29 Ne baluka engule ey'amaggwa, ne bagissa ku mutwe gwe, n'olumuli mu mukono gwe ogwa ddyo; ne bafukamira mu maaso ge, ne bamuduulira, nga bagamba nti Mirembe, Kabaka w'Abayudaaya!
 - 30 Ne bamuwandira amalusu, ne batoola olumuli luli ne bamukuba mu mutwe.
 - 31 Awo bwe baamala okumuduulira, ne bamwambulako olugoye, ne bamwambaza ebyambalo bye, ne bamutwala okumukomerera.
 - 32 Naye bwe baali bafulumu, ne basisinkana omu Omukuleene, erinnya lye Simooni: ne bamuwaliriza oyo yeetikke omusalaba gwe.
 - 33 Bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa Gologoosa, amakulu gaakyo kifo kya kiwanga,
 - 34 ne bamuwa omwenge okunywa ogutabuddwamu omususa: naye bwe yalegako, n'atayagala kunywa.
 - 35 Bwe baamala okumukomerera, ne bagabana ebyambalo bye, nga bakuba akalulu;
 - 36 ne batuula awo ne bamutunuulira.
 - 37 Ne bassa waggulu ku mutwe gwe omusango gwe oguwandiikiddwa nti ONO YE YESU KABAKA W'ABAYUDAAYA.
 - 38 Awo abanyazi babiri ne bakomererwa naye, omu ku mukono ogwa ddyo, omulala ku gwa kkono.
 - 39 N'abaali bayita ne bamuvuma, nga banyeenya emitwe gyabwe,
 - 40 nga bagamba nti Ggwe amenya yeekaalu, agizimbira ennaku essatu, weerokole: oba nga oli Mwana wa Katonda, va ku musalaba okke.
 - 41 Bakabona abakulu n'abawandiisi n'abakadde ne baduula bwe batyo, nga bagamba nti
 - 42 Yalokola balala; tayinza kwerekola yekka. Ye Kabaka wa Isiraeri; ave kaakano ku musalaba, naffe tunaamukkiriza.
 - 43 Yeesiga Katonda; amulokole kaakano, oba amwagala: kubanga yagamba nti Ndi Mwana wa Katonda.
 - 44 Abanyazi abaakomererwa naye era nabo ne bamuvuma bwe batyo.
 - 45 Naye okuva ku ssaawa ey'omukaaga kyali kizikiza ku nsi yonna okutuuka ku ssaawa ey'omwenda.
 - 46 Obudde bwe bwatuuka ng'essaawa ey'omwenda Yesu n'ayogerera waggulu n'eddo-boozi ddene, ng'agamba nti Eri, Eri, lama sabakusaani? amakulu gaakyo nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?
 - 47 Naye abalala abaali bayimiridewo, bwe baawulira, ne bagamba nti Ono ayita Eriya.
 - 48 Amangu ago munnaabwe omu n'addukana, n'atoola ekisuumwa, n'akijjuza omwenge omukaatuufu, n'akissa ku lumuli, n'amunywesa.
 - 49 Naye abalala ne bagamba nti Leka tulabe nga Eriya anajja okumulokola.

- 50 Naye Yesu n'ayogerera nate waggulu n'eddoboozi ddene, n'ata omwoyo gwe.
- 51 Laba, eggigi lya yeekaalu ne liyulikamu wabiri okuva waggulu okutuuka wansi; ensi n'ekankana; enjazi ne zaatika:
- 52 entaana ne zibikkuka; emirambo mingi egy'abatukuvu abaali beebase ne gizuukiz-ibwa;
- 53 ne bava mu ntaana bwe yamala okuzuukira, ne bayingira mu kibuga ekitukuvu, bangi ne babalaba.
- 54 Naye omwami w'ekitongole, na bali abaali naye nga batunuulira Yesu, bwe baalaba ekikankano, n'ebigambo ebibaddewo, ne batya nnyo, ne bagamba nti Mazima ono abadde Mwana wa Katonda.
- 55 Waaliwo n'abakazi bangi abaayimirira ewala nga balengera, abaayitanga ne Yesu okuva e Ggaliraaya, abaamuweerezanga:
- 56 mu abo mwalimu Malyamu Magudaleene, ne Malyamu nnyina Yakobo ne Yose, ne nnyina w'abaana ba Zebbedaayo.
- 57 Naye obudde bwali buwungeera, n'ajja omuntu omugagga, eyava Alimasaya, erinnya lye Yusufu, era naye yali muyigirizwa wa Yesu:
- 58 oyo n'agenda eri Piraato, n'asaba omulambo gwa Yesu. Awo Piraato n'alagira okugumuwa.
- 59 Yusufu n'atwala omulambo, n'aguzinga mu bafuta enjeru,
- 60 n'aguteeka mu ntaana ye empya, gye yasima mu lwazi: n'ayiringisa ejjinja ddene n'alissa ku mulyango gw'entaana, n'agenda.
- 61 Waaliwo Malyamu Magudaleene, ne Malyamu ow'okubiri, nga batudde mu maaso g'entaana.
- 62 Naye enkya, lwe lunaku olwaddirira olw'Okuteekateeka, bakabona abakulu n'Abafalisaayo ne bakuaanira ewa Piraato,
- 63 ne bagamba nti Omwami, tujjukidde omulimba oyo eyagamba ng'akyali mulamu nti Ennaku bwe ziriyitawo essatu ndizuukira.
- 64 Kale lagira bakuumire ddala amalaalo okutuusa ku lunaku olw'okusatu, abayigirizwa be batera okujja okumubba, bagambe abantu nti Azuukidde mu bafu: era okukyama okw'oluvannyuma kulisinga kuli okwasooka.
- 65 Piraato n'abagamba nti Mulina abakuumi: mugende, mugakuumire ddala nga bwe muyinza.
- 66 Nabo ne bagenda, ne bagakuumira ddala amalaalo, ejjinja ne balissaako akabonero, n'abakuumi nga weebali.

Essuula 28

- 1 Naye olunaku olwa ssabbiiti bwe lwali lugenda okuggwaako, ng'olunaku olw'olubereberye mu nnaku omusanvu lunaatera okukya, Malyamu Magudaleene ne Malyamu ow'okubiri ne bajja okulaba amalaalo.
- 2 Laba, ne wabaawo ekikankano ekinene ku nsi; kubanga malayika wa Mukama yava mu ggulu, n'ajja n'ayiringisa ejjinja okuliggyawo, n'alituulako.
- 3 Naye ekifaananyi kye kyali nga kumyansa, n'engoye ze zaali zitukula ng'omuzira:
- 4 era entiisa ye n'ekankanya abakuumi, ne baba ng'abafudde.
- 5 Naye malayika n'addamu n'agamba abakazi nti Mmwe temutya: kubanga mmanyi nga munoonya Yesu eyakomererwa.
- 6 Tali wano; kubanga azuukidde, nga bwe yagamba. Mujje, mulabe ekifo Mukama we yagalamira.
- 7 Mugende mangu, mubuulire abayigirizwa be nti Azuukidde mu bafu; laba, abakulembera okugenda e Ggaliraaya; gye mulimulabira: laba, mbabuulidde.

- 8 Ne bava mangu ku ntaana, n'entiisa n'essanyu lingi, ne baddukana okubuulira abayigirizwa be.
- 9 Laba, Yesu n'abasisinkana, n'agamba nti Mirembe. Ne bajja ne bamukwata ebigere, ne bamusinza.
- 10 Awo Yesu n'abagamba nti Temutya: mugende mubuulire baganda bange bagende e Ggaliraaya, gye balindabira.
- 11 Naye bwe baali bagenda, laba abakuumi abamu ne bajja mu kibuga, ne babuulira bakabona abakulu byonna ebibaddeyo.
- 12 Ne bakuaana wamu n'abakadde, ne bateesa wamu, ne babaweera basserikale effeeza nnyingi,
- 13 ne bagamba nti Mugambanga nti Abayigirizwa be bajja ekiro, ne bamubba ffe nga twebase.
- 14 Naye ekigambo kino bwe kiribuulirwa ow'essaza, ffe tulimuwooyawooya, nammwe tulibaggyako omusango.
- 15 Nabo ne batwala effeeza, ne bakola nga bwe baaweererwa: ekigambo kino ne kibuna mu Bayudaaya, okutuusa leero.
- 16 Naye abayigirizwa ekkumi n'omu ne bagenda e Ggaliraaya, ku lusozi Yesu gye yabal-agira.
- 17 Bwe baamulaba ne bamusinza: naye abalala ne babuusabuusa.
- 18 Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.
- 19 Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;
- 20 nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.

Makko

Essuula 1

- 1 Okusooka kw'enjiri ya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda.
- 2 Nga bwe kyawandiikibwa mu nnabbi Isaaya nti Laba, nze ntuma omubaka wange mu maaso go, Alirongoosa oluguudo lwo;
- 3 Eddoboozi lye ayogerera waggulu mu ddungu nti Mulongoose oluguudo lwa Mukama, Muluamye amakubo ge;
- 4 Yokaana yajja eyabatiza mu ddungu n'abuulira okubatizibwa okw'okwenenya olw'okuggibwako ebibi.
- 5 N'ensi yonna ey'e Buyudaaya n'ab'e Yerusaaemi bonna ne bavaayo ne bajja gy'ali ne babatizibwa ye mu mugga Yoludaani nga baatula ebibi byabwe.
- 6 Ne Yokaana yayambalanga byoya bya amira, n'olukoba lw'eddiba mu kiwato kye, ng'alya enzige n'omubisi gw'enjuki ez'omu nsiko.
- 7 N'abuulira ng'agamba nti Ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, so sisaanira kukutama kutuggulula lukoba lwa ngatto ze.
- 8 Nze nababatiza n'amazzi, naye oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu.
- 9 Awo olwatuuka mu nnaku ezo Yesu n'ava e Nazaaleesi eky'e Ggaliraaya n'ajja okubatizibwa Yokaana mu Yoludaani.
- 10 Amangu ago bwe yava mu mazzi, n'alaba eggulu nga liyulise, n'Omwoyo ng'ali ng'ejjiba ng'akka ku ye:
- 11 n'eddoboozi ne lifuluma mu ggulu erigamba nti Ggwe Mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.
- 12 Amangu ago Omwoyo n'amugobera mu ddungu.
- 13 N'amalayo mu ddungu ennaku amakumi ana ng'akemebwa Setaani; n'aba wamu n'ensolo; bamalayika ne bamuweereza.
- 14 Awo oluvannyuma Yokaana ng'amaze okuweebwayo, Yesu n'ajja e Ggaliraaya, ng'abuulira enjiri ya Katonda,
- 15 ng'agamba nti Ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda busembedde, mwenenye, mukkirize enjiri.
- 16 Bwe yali ng'ayita ku lubalama lw'ennyanja ey'e Ggaliraaya n'alaba Simooni ne Andereya muganda wa Simooni nga basuula omugonjo mu nnyanja, kubanga baali bavubi.
- 17 Yesu n'abagamba nti Mujje muyite nange, ndibafuula abavubi b'abantu.
- 18 Amangu ago ne baleka awo emigonjo ne bagenda naye.
- 19 Bwe yasemberayo mu maaso katono, n'alaba Yakobo omwana wa Zebbedaayo ne Yokaana muganda we, abo bombi baali mu lyato nga bayunga emigonjo.
- 20 Amangu ago n'abayita: ne baleka awo kitaabwe Zebbedaayo mu lyato ng'ali n'abo abakolera empeera, ne bamugoberera.
- 21 Ne bayingira e Kaperunawumu; amangu ago ku lunaku lwa ssabbiiti n'ayingira mu kkuaaniro n'ayigiriza.
- 22 Ne bawuniikirira olw'okuyigiriza kwe: kubanga yabayigiriza nga ye nnyini buyinza, so si ng'abawandiisi.
- 23 Amangu ago mu kkuaaniro lyabwe mwalimu omuntu aliko dayimooni omubi; n'akaaba
- 24 nga agamba nti Otuvunaana ki, Yesu ow'e Nazaaleesi? ozze kutuzikiriza? nkumanyi ggwe, ggwe oli Mutukuvu wa Katonda.
- 25 Yesu n'amubogolera ng'agamba nti Bunira, muveeko.
- 26 Dayimooni n'amutaagula n'akaaba eddoboozi ddene n'amuvaako.

- 27 Ne beewuunya bonna, ne beebuuzaganya nga bagamba nti kiki kino? okuyigiriza kuggya! alagira n'obuyinza dayimooni ne bamuwulira.
- 28 Amangu ago ettutumu lye ne libuna ensi yonna eriraanye Ggaliraaya.
- 29 Amangu ago bwe baifuluma mu kkuaaniro ne bagenda wamu ne Yakobo ne Yokaana mu nnyumba ya Simooni ne Andereya.
- 30 Awo nnyina mukazi wa Simooni yali ng'agalamidde ng'alwadde omusujja; amangu ago ne bamubuulira bw'ali:
- 31 n'ajja n'amukwata ku mukono n'amugolokosa, omusujja ne gumuwonako, n'abaweeriza.
- 32 Awo olweggulo, enjuba ng'egudde, ne bamuleetera abalwadde bonna, n'abo abaliko dayimooni.
- 33 N'ekibuga kyonna ne kikuaanira ku wankaaki.
- 34 N'awonya bangi abaali balwadde endwadde nnyingi, n'agoba dayimooni bangi n'atabaganya kwogera kubanga baamumanya.
- 35 Awo mu makya ennyo, nga bukya kiro, n'agolokoka n'afuluma n'agenda mu ddungu, n'asabira eyo.
- 36 Simooni n'abo abaali naye ne bamugoberera;
- 37 ne bamulaba ne bamugamba nti Bonna bakunoonya.
- 38 N'abagamba nti Tugende awalala mu bibuga ebiri okumpi mbuulire n'eyo; kubanga ekyo kye nnajjirira.
- 39 N'ayingira mu makuaaniro gaabwe mu Ggaliraaya yonna, ng'abuulira ng'agoba dayimooni.
- 40 Omugenge n'ajja gy'ali, ng'amwegayirira ng'amufukaamirira ng'amugamba nti Bw'oyagala, oyinza okunnongoosa.
- 41 N'amusaasira n'agolola omukono gwe n'amukwatako n'amugamba nti Njagala; longooka.
- 42 Amangu ago ebigenge bye ne bimuwonako n'alongooka.
- 43 N'amukuutira nnyo amangu ago n'amusindika
- 44 n'amugamba nti Laba tobuulirako muntu; naye genda weeyoleke eri kabona, oweeyo olw'okulongooka kwo Musa bye yalagira okuba omujulirwa gye bali.
- 45 Naye n'afuluma, n'asooka okukibuulira ennyo n'okubunya ekigambo, n'okuyinza n'atayinza Yesu okuyingira nate mu kibuga mu lwatu, naye yali bweru mu malungu; ne bajja gy'ali nga bava wonna wonna.

Essuula 2

- 1 Awo ennaku bwe zaayitawo n'ayingira nate mu Kaperunawumu, ne kiwulirwa ng'ali mu nju.
- 2 Ne bakuaana bangi, n'okugyawo ne batagyawo nate newakubadde mu mulyango: n'ababuulira ekigambo.
- 3 Ne bajja abaaleeta omulwadde akoozimbye nga bamwetisse bana.
- 4 Naye bwe baalemwa okumusemberera olw'ekibiina, ne babikkula waggulu ku nnyumba we yali: ne bawummulawo ekituli ne bamussiza ku kitanda akoozimbye kwe yali agalamidde.
- 5 Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe n'agamba akoozimbye nti Mwana wange, ebibi byo bikuggiddwako.
- 6 Naye waaliwo abawandiisi abamu nga batudde nga balowooza mu mitima gyabwe nti
- 7 Ono kiki ekimwogeza bw'atyo? Awoola: ani ayinza okuggyako ebibi wabula omu, ye Katonda?
- 8 Amangu ago Yesu bwe yategeera mu mwoyo gwe nga balowooza bwe batyo munda

- yaabwe n'abagamba nti Kiki ekibalwoozesa ebyo mu mitima gyammwe?
- 9 Ekyangu kiruwa, okugamba akoozimbye nti Ebibi byo bikuggiddwako; nantiki okugamba nti Golokoka, weetikke ekitanda kyo ogende?
 - 10 Naye mumanye nga Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi n'agamba akoozimbye nti
 - 11 Nkugamba, Golokoka, weetikke ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo.
 - 12 N'agolokoka, ne yeetikka amangu ago ekitanda, n'afuluma mu maaso gaabwe bonna; awo ne beewuunya bonna ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti Tetulabangako bwe tuti.
 - 13 N'avaawo nate n'agenda ku lubalama lw'ennyanja; ebibiina byonna ne bajja w'ali, n'abayigiriza.
 - 14 Awo bwe yali ng'ayita, n'alaba Leevi omwana wa Alufaayo ng'atudde mu ggwoolezo, n'amugamba nti Yita nange. N'agolokoka n'ayita naye.
 - 15 Awo bwe yali ng'atudde mu nnyumba y'oyo ng'alya, abawooza bangi n'abalina ebibi ne batuula wamu ne Yesu n'abayigirizwa be; kubanga baali bangi, abaagenda naye.
 - 16 Abawandiisi ab'omu Bafalisaayo bwe baamulaba ng'alya wamu n'abalina ebibi n'abawooza, ne bagamba abayigirizwa be nti Alya era anywera wamu n'abawooza n'abalina ebibi.
 - 17 Awo Yesu bwe yawulira n'abagamba nti Abalamu tebeetaaga musawo, wabula abalwadde: sajja kuyita batuukiriru wabula abalina ebibi.
 - 18 Awo abayigirizwa ba Yokaana n'ab'Abafalisaayo baali nga basiiba; ne bajja ne bamugamba nti Kiki abayigirizwa ba Yokaana n'abayigirizwa b'Abafalisaayo ekibasiibya, abayigirizwa bo nga tebasiiba?
 - 19 Yesu n'abagamba nti Abaana b'obugole bayinza batya okusiiba awasizza omugole ng'ali nabo? mu biro byonna nga bali naye awasizza omugole, tebayinza kusiiba.
 - 20 Naye ennaku zirituuka, awasizza omugole lw'alibaggibwako: ne balyoka basiiba ku lunaku olwo.
 - 21 Tewali muntu atunga ekiwero eky'olugoye oluggya ku kyambalo ekikadde; bwe kiba kityo kiri eky'oku kizibawo kikutula kiri, ekikadde ekiggya, ekituli ne kyeyongera.
 - 22 Era tewali muntu afuka omwenge omusu mu nsawo ez'amaliba enkadde: bwe kiba kityo omwenge gwabya ensawo ez'amaliba, omwenge ne gufaafaagana n'ensawo ez'amaliba zoonooneka; naye omwenge omusu gufukibwa mu nsawo ez'amaliba empya.
 - 23 Awo olwatuuka yali ng'atambula mu nnimiro ku lunaku lwa ssabbiiti; abayigirizwa be ne batanula okugenda nga banoga ebirimba.
 - 24 Abafalisaayo ne bamugamba nti Laba, kiki ekibakoza eky'omuzizo ku lunaku lwa ssabbiiti?
 - 25 N'abagamba nti Temusomangako Dawudi kye yakola, bwe yali nga yeetaaga, n'alumwa enjala ye n'abo be yali nabo?
 - 26 Bwe yayingira mu nnyumba ya Katonda, Abiyasaali bwe yali nga ye kabona asinga obukulu, n'alya emigaati egy'okulaga, egy'omuzizo okuliibwako wabula bakabona, n'agiwa ne be yali nabo?
 - 27 N'abagamba nti Ssabbiiti yabaawo ku lwa muntu, so omuntu si ku lwa ssabbiiti:
 - 28 bwe kityo Omwana w'omuntu ye mukama wa ssabbiiti nayo.

Essuula 3

- 1 N'ayingira nate mu kkuaaniro; mwalimu omuntu eyalina omukono ogukaze.
- 2 Ne bamulabirira oba anaamuwonyeza ku lunaku lwa ssabbiiti, era bamuloope.
- 3 N'agamba omuntu eyalina omukono ogukaze nti Yimirira wakati awo.

- 4 Awo n'abagamba nti Kye kirungi ku lunaku lwa ssabbiiti okukola obulungi nantiki okukola obubi? kuwonya bulamu naatiki kutta? Naye ne basirika busirisi.
- 5 Bwe yabeetoolooza amaaso n'obusungu, ng'anakuwadde olw'okukakaayala kw'emitima gyabwe, n'agamba omuntu ati Golola omukono gwo. N'agugolola: omukono gwe ne guwona.
- 6 Amangu ago Abafalisaayo ne bavaamu ne bateesa n'Abakerodiyaani ku ye, nga bwe banaamuzikiriza.
- 7 Awo Yesu n'abayigirizwa be ne bagenda ku nnyanja, ebibiina bingi ne bimugoberera ebyava e Ggaliraaya n'e Buyudaaya
- 8 e Yersaalemi ne Idumaya n'emitala wa Yoludaani, n'abaliraanye e Ttuulo n'e Sidoni, ekibiina kinene, bwe baawulira bye yakola, ne bajja gy'ali.
- 9 N'agamba abayigirizwa be eryato ettono limubeerenga kumpi ebibiina bireme okumunyigiriza;
- 10 kubanga yawonya bangi, n'okugwa abalwadde ne bamugwako bamukwateko, bonna abaali balina ebibonoobono.
- 11 Dayimooni ababi nabo bwe baamulaba ne bagwa mu maaso ge ne bakaaba nga bagamba nti Ggwe Mwana wa Katonda.
- 12 N'abakuutira nnyo baleme okumwatiikiriza.
- 13 Awo n'alinyanya ku lusozi n'abayita gy'ali b'ayagala: ne bagenda gy'ali.
- 14 N'ayawulamumu ekkumi n'ababiri okubeeranga awamu naye, era abatumenga okubulira,
- 15 n'okuba n'obuyinza okugobanga emizimu:
- 16 Simooni n'amutuuma erinnya Peetero;
- 17 ne Yakobo omwana wa Zebbeddaayo, ne Yokaana, muganda wa Yakobo; nabo n'abatuuma amannya Bowanerege, amakulu gaalyo nti Baana ba kubwatuka:
- 18 ne Andereya ne Firipo, ne Battolomaayo, ne Matayo, ne Tomasi, ne Yakobo omwana wa Alufaayo, ne Saddayo, ne Simooni Omukananaayo,
- 19 ne Yuda Isukalyoti, ye yamulyamu olukwe. N'ajja mu nnyumba,
- 20 ekibiina ne kikuaana nate, n'okuyinza ne batayinza na kulya mmere.
- 21 Awo ababe bwe baawulira ne bafuluma okumukwata, kubanga baagamba nti Alaluse.
- 22 Awo abawandiisi abaaserengeta okuva e Yersaalemi ne bagamba nti Alina Beeruzebuli, era nti Agoba dayimooni ku bwa mukulu wa badayimooni.
- 23 N'abayita gy'ali, n'abagambira mu ngero nti Setaani ayinza atya okugoba Setaani?
- 24 Obwakabaka bwe bwawukanamu bwo bwokka, obwakabaka obwo tebuyinza kuyimirira.
- 25 N'ennyumba bw'eyawukanamu yo yokka, ennyumba eyo teriyinza kuyimirira.
- 26 Era oba Setaani yeegolokokeddeko ye yekka, n'ayawukanamu, tayinza kuyimirira, naye aggwaawo.
- 27 Naye tewali muntu ayinza okuyingira mu nnyumba y'omuntu ow'amaanyi okunyaga ebintu bye, nga tasoosa kusiba oyo ow'amaanyi, n'alyoka anyaga ennyumba ye.
- 28 Mazima mbagamba nti Abaana b'abantu balisonyiyibwa ebibi byabwe byonna, n'obuvvoozi bwabwe bwe balivvoola bwonna;
- 29 naye oyo yenna anavvoolanga Omwoyo Omutukuvu talina kusonyiyibwa emirembe n'emirembe, naye azzizza omusango ogw'ekibi eky'emirembe n'emirembe:
- 30 kubanga baayogera nti Alina dayimooni.
- 31 Awo nnyina ne baganda be ne bajja, ne bamutumira ne bamuyita nga bayimiridde wabweru.
- 32 N'ekibiina kyali kitudde nga bamwetooldde; ne bamugamba nti Laba, nnyoko ne baganda bo bali wabweru bakunoonya.
- 33 N'abaddamu ng'agamba nti Mmange ye ani ne baganda bange?

- 34 n'abeetoolooza amaaso abaali batudde enjuyi zonna nga bamwetoolodde n'agamba nti Laba, mmange ne baganda bange!
- 35 Kubanga buli muntu yenna anaakolanga Katonda by'ayagala, oyo ye muganda wange, ye mwannyinaze, ye mmange.

Essuula 4

- 1 Ate n'atanula okuyigiriza ku lubalama lw'ennyanja. Ekibiina kinene nnyo ne kikuaanira w'ali, n'okusaabala n'asaabala mu lyato, n'atuula mu nnyanja; ekibiina kyonna ne kibeera ku nnyanja ku ttale.
- 2 N'abayigiriza bingi mu ngero, n'abagamba mu kuyigiriza kwe nti
- 3 Muwulire; laba, omusizi yafulumu okusiga:
- 4 awo olwatuuka bwe yali ng'asiga, ezimu ne zigwa ku mabbali g'ekkubo, ennyonyi ne zijja ne zizirya.
- 5 N'endala ne zigwa awali enjazi awatali ttaka lingi; amangu ago ne zimera, kubanga ettaka teryali ggwanvu:
- 6 enjuba bwe yayaka, ne ziwotookerera; era kubanga tezaalina mmizi, ne zikala.
- 7 Endala ne zigwa awali amaggwa, amaggwa ne galoka, ne gazizisa ne zitabala bibala.
- 8 Endala ne zigwa ku ttaka eddungi, ne zibala ebibala ne bikula ne byeyongera; ne zizaala okutuusa amakumi asatu, era okutuusa enkaaga, era okutuusa ekikumi.
- 9 N'agamba nti Alina amatu ag'okuwulira, awulire:
- 10 Awo bwe yali yekka, abo abaali bamwetoolodde n'ekkumi n'ababiri ne bamubuuza ku ngero ezo.
- 11 N'abagamba nti Mmwe mwaweebwa ekyama ky'obwakabaka bwa Katonda: naye bali ab'ebweru, byonna bibabeerera mu ngero:
- 12 bwe balaba balabe, ne bateetegereza; era bwe bawulira bawulire, ne batategeera; mpozzi baleme okukyuka nate, okusonyiyibwa.
- 13 N'abagamba nti Temumanyi lugero luno? kale mulitegeera mutya engero zonna?
- 14 Omusizi asiga kigambo.
- 15 Bano be b'oku mabbali g'ekkubo, ekigambo we kisigibwa; awo bwe bawulira, amangu ago Setaani n'ajja n'aggyamu ekigambo ekyasigibwa mu bo.
- 16 Ne bano bwe batyo be bali abasigibwa awali enjazi, abo, bwe bawulira ekigambo, amangu ago bakikkiriza n'essanyu;
- 17 ne bataba na mmizi mu bo, naye bamala ekiseera kitono; awo bwe wabaawo okulaba ennaku oba kuyigganyizibwa olw'ekigambo, amangu ago beesittala.
- 18 N'abalala be bali abasigibwa awali amaggwa; abo, bwe bawulira ekigambo,
- 19 awo emitawaana gy'ensi n'obulimba bw'obugagga, n'okwegomba kw'ebirala byonna bwe biyingira bizisa ekigambo, ne kitabala;
- 20 n'abo be bali abasigibwa awali ettaka eddungi; abawulira ekigambo, abakikkiriza, ababala ebibala amakumi asatu, n'enkaaga, n'ekikumi.
- 21 N'abagamba nti Ettabaaza ereetebwa okuteekebwa munda w'ekibbo, nantiki munda w'ekitanda, n'etetekebwa waggulu ku kikondo?
- 22 Kubanga tewali kikwekebwa, naye kirimanyibwa; newakubadde ekyakisibwa, naye kirirabika lwatu.
- 23 Buli alina amatu ag'okuwulira, awulire.
- 24 N'abagamba nti Mwekuume kye muwulira: mu kigera mwe mugera nammwe mwe muligererwa: era mulyongerwako.
- 25 Kubanga, alina aliweebwa: n'atalina aliggibwako n'ekyo ky'ali nakyo.
- 26 N'agamba nti Obwakabaka bwa Katonda bwe buti, ng'omuntu bw'amansa ensigo ku ttaka;

- 27 ne yeebaka n'agolokoka ekiro n'emisana, n'ensigo n'emeruka n'ekula, ye nga tamanyi bw'emeruse.
- 28 Ensi ebala yokka, okusooka kalagala, ate kirimba, ate aano enkulu mu kirimba.
- 29 Naye emmere bw'eyengera, amangu ago assaako ekiwabyo, kubanga okukungula kutuuse.
- 30 N'agamba nti Tunaabufaananya tutya obwakabaka bwa Katonda? Nantiki tunaabunny-onnyolera ku kifaananyi ki?
- 31 Bufaanana ng'akaweke aka kaladaali, ako, bwe kasigibwa mu ttaka, newakubadde nga ke katonokukira ensigo zonna eziri mu nsi,
- 32 naye bwe kasigibwa kakula, kaba kanene okukira enva zonna, kasuula amatabi amanene kale era ennyonyi ez'omu bbanga ne ziyinza okutuula wansi w'ekisiikirize kyagwo.
- 33 N'abagamba ekigambo mu ngeri nnyingi ng'ezo, nga bwe bayinza okukiwulira:
- 34 teyayogera nabo awatali lugero: naye n'ategeezanga abayigirizwa be ye byonna mu kyama.
- 35 Awo ku lunaku olwo bwe bwali buwungedde, n'abagamba nti Tuvunguke tutuuke emitala w'eri,
- 36 Bwe baaleka ekibiina, ne bamutwalira mu lyato, nga bwe yali, Era n'amaato amalala gaali naye.
- 37 Awo omuyaga mungi ne gujja, amayengo ne gayiika mu lyato, n'eryato lyali nga ligenda okujjula.
- 38 Ye yennyini yali yeebase mu kiwenda ku kigugu, ne bamuzuukusa, ne bamugamba nti Omuyigiriza, tofaayo nga tufa?
- 39 N'azuukuka, n'aboggolera omuyaga, n'agamba ennyanja nti Sirika, teeka. Omuyaga ne gukkakkana, n'eba nteefu nnyo.
- 40 N'abagamba nti Kiki ekibatiisa? Temunnaba kuba na kukkiriza?
- 41 Ne batya entiisa nnene, ne bagambagana nti Kale ono ye ani, kubanga omuyaga n'ennyanja bimuwulira?

Essuula 5

- 1 Ne batuuka emitala w'ennyanja mu nsi y'Abagerasene.
- 2 Bwe yava mu lyato, amangu ago omuntu eyaliko dayimooni eyava mu ntaana n'amusisinkana,
- 3 eyasulanga mu ntaana; nga tewakyali muntu ayinza kumusiba, newakubadde mu lujegeregere,
- 4 kubanga emirundi mingi yateekebwako mu masamba, ne mu njegere, enjegere n'azikutula, n'amasamba n'agamenyaamenya: ne wataba muntu wa maanyi okumusobola.
- 5 Naye bulijjo, ekiro n'emisana, yakaabiranga mu ntaana ne ku nsozi, ne yeesala n'amayinja.
- 6 Bwe yalengera Yesu ng'akyali wala, n'addukana n'amusinza; n'akaaba n'eddoboozi ddene
- 7 ng'agamba nti Onvunaana ki, Yesu Omwana wa Katonda, Ali waggulu ennyo? Nkulayiza Katonda, tombonereza.
- 8 Kubanga yamugamba nti Va ku muntu ono, ggwe dayimooni.
- 9 N'amubuuza nti Erinnya lyo ggwe ani? N'amugamba nti Erinnya lyanze Liigyoni; kubanga tuli bangi.
- 10 N'amwegayirira nnyo aleme okubagoba mu nsi eyo.
- 11 Awo ku lusozi waaliwo eggana ly'embizzi ddene nga zirya.

- 12 N'amwegayirira, ng'amugamba nti Tusindike mu mbizzi tuziyingiremu.
- 13 N'amukkiriza, Dayimooni n'avaamu, n'ayingira mu mbizzi: eggana ne lifubutuka ne liserengetera ku bbanga mu nnyanja, zaali nga nkumi bbiri, ne zifiira mu nnyanja.
- 14 Awo abaali bazirunda ne badduka, ne babuulira ab'omu kibuga, n'ab'omu byalo, ne bajja okulaba ebibaddeyo bwe biri.
- 15 Ne batuuka awali Yesu, ne balaba eyaliko dayimooni ng'atudde, ng'ayambadde nga alina amagezi, oyo eyaliko liigyoni; ne batya.
- 16 Abaalaba ne babannyonnyola ebimubaddeko oyo eyaliko dayinooni, era n'eby'embizzi.
- 17 Ne batanula okumwegayirira okuva mu nsalo zaabwe.
- 18 Awo bwe yali ng'asaabala mu lyato, oyo eyaliko dayimooni n'amwegayirira abeere naye.
- 19 N'atamuganya, naye yamugamba nti Genda eka mu babo, obabuulire bwe biri ebikulu Katonda by'akukoledde, ne bw'akusaasidde.
- 20 N'agenda, n'atanula okubuulira mu Dekapoli bwe biri ebikulu Yesu bye yamukolera. Abantu bonna ne beewuunya.
- 21 Awo Yesu bwe yawunguka ate mu lyato n'atuuka emitala, bibiina bingi ne bikuaanira w'ali; ye ng'ali kumpi n'ennyanja.
- 22 Omu ow'oku bakulu b'ekkuaaniro, erinnya lye Yayiro, n'ajja; bwe yamulaba, n'avuunama ku bigere bye,
- 23 n'amwegayirira nnyo ng'agamba nti Omuwala wange omuto ali kumpi n'okufa: nkwegayirira ojje, omusseeko emikono gyo, adde mu mbeera ye, alamuke.
- 24 N'agenda naye; ekibiina ekinene ne kimugoberera, ne bamunyigiriza.
- 25 Awo omukazi eyali alwalidde ekikulukuto ky'omusaayi emyaka kkumi n'ebiri,
- 26 eyatengejja ennyo eri abasawo abangi, n'awangayo bye yali nabyo byonna, so n'atabaako kimugasa, naye ne yeeyongeranga bweyongezi okulwala,
- 27 bwe yawulira ebigambo bya Yesu, n'ajjira mu kibiina emabega we n'akoma ku kyambalo kye.
- 28 Kubanga yagamba nti Bwe nkomako obukomi ku byambalo bye, nnaawona.
- 29 Amangu ago ensulo ey'omusaayi n'ekalira, n'ategeera mu mubiri gwe ng'awonyezebbwa ekibonoobono kye.
- 30 Amangu ago Yesu bwe yategeera munda mu ye amaanyi agamuvuddemu, n'akyuka mu kibiina n'agamba nti Ani akomye ku byambalo byange?
- 31 Abayigirizwa be ne bamugamba nti Olaba ekibiina bwe bakunyigiriza, n'ogamba nti Ani ankomyeko?
- 32 Ne yeetoolooza amaaso okulaba oyo akoze ekigambo ekyo.
- 33 Naye omukazi ng'atya ng'akankana, ng'amanyi ky'abadde, n'ajja n'afukamira mu maaso ge, n'amubuulira eby'amazima byonna.
- 34 N'amugamba nti Omuwala, okukkiriza kwo kukuwonyezza; weegendere n'emirembe, owonere ddala ekibonoobono kyo.
- 35 Awo bwe yali akyayogera, abaava ew'omukulu w'ekkuaaniro ne bajja, nga bagamba nti Omuwala wo afudde; oteganiza ki nate Omuyigiriza?
- 36 Naye Yesu n'atassaako mwoyo ku kigambo ekyogeddwa, n'agamba omukulu w'ekkuaaniro nti Totya, kkiriza bukkiriza.
- 37 N'ataganya muntu kugenda naye wabula Peetero ne Yakobo, ne Yokaana, muganda wa Yakobo.
- 38 Ne batuuka ku nnyumba y'omukulu w'ekkuaaniro, n'alaba okwaziirana, n'abakaaba, n'abakuba ebiwoobe ebingi.
- 39 Awo bwe yayingira n'abagamba nti Kiki ekibaaziranya n'ekibakaabya? omuwala tafudde, naye yeebase bwebasi.

- 40 Ne bamusekerera nnyo. Naye bwe yabafulumya bonna, n'atwala kitaawe w'omuwala ne nnyina n'abo abaali naye, n'ayingira omuwala mw'ali.
- 41 Awo n'akwata omukono gw'omuwala, n'amugamba nti Talusa kumi okutegeezebwa kwakyo nti muwala, nkugamba nti Golokoka.
- 42 Amangu ago omuwala n'agolokoka, n'atambula; kubanga yali yaakamala emyaka kkumi n'ebiri. Amangu ago ne bawuniikirira okuwuniikirira kunene.
- 43 N'abakuutira nnyo buli muntu yenna aleme okukimaaya ekyo: n'alagira okumuwa eky'okulya.

Essuula 6

- 1 N'avaayo; n'ajja mu nsi y'ewaabwe; abayigirizwa be ne bagenda naye.
- 2 Awo ssabbiiti bwe yatuuka, n'atanula okuyigiriza mu kkuaanro: abangi bwe baa-muwulira ne bawuniikirira, nga bagamba nti Ono ebyo yabiggya wa? era nti Magezi ki gano ge yaweebwa ono, era eby'amagero ebyenkanidde wano ebikolebwa mu mikono gye?
- 3 Si ye wuuno omubazzi, omwana wa Malyamu, muganda wa Yakobo, ne Yose, ne Yuda ne Simooni? Ne bannyina tetuli nabo wano ewaffe? Ne bamwesittalako.
- 4 Yesu n'abagamba nti Nnabbi tabulwa kitiibwa wabula mu nsi yaabo, ne mu kika kye, ne mu nnyumba ye.
- 5 So teyayinza kukolerayo kya magero kyonna, naye yassa emikono gye ku balwadde batono, n'abawonya.
- 6 Ne yeewuunya olw'obutakkiriza bwabwe. Ne yeetooloola mu mbuga enjuyi zonna ng'ayigiriza.
- 7 N'ayita gy'ali ekkumi n'ababiri, n'atanula okubatuma kinnababirye; n'abawa obuyinza ku dayimooni;
- 8 n'abalagira obutatwala kintu kya mu kkubo wabula omuggo gwokka; si mmere, newakubadde ensawo, newakubadde ebikomo mu nkoba zaabwe,
- 9 naye nga banaanise engatto; era temwambalanga kkanzu bbiri.
- 10 N'abagamba nti Buli nju yonna mwe muyingiranga mubeeranga omwo okutuusa lwe mulivaayo.
- 11 Na buli kifo kyonna ekitalibakkiriza, obutabawulira, bwe muvangayo, mukunkumulanga enfuufu eri mu bigere byammwe okuba omujulirwa gye bali.
- 12 Ne bagenda ne babuulira abantu okwenenya.
- 13 Ne bagoba dayimooni mungi; ne basiiga amafuta ku balwadde bangi ne babawonya.
- 14 Awo Kerode kabaka n'awulira, kubanga erinnya lye lyatiikiridde; n'agamba nti Yokaana Omubatiza azuukidde mu bafu, amaanyi gano kyegava gakolera mu ye.
- 15 Naye abalala ne bagamba nti Ye Eriya. Abalala ne bagamba nti Nnabbi, ng'omu ku bannabbi.
- 16 Naye Kerode, bwe yawulira n'agamba nti Yokaana gwe nnatemako omutwe nze, ye azuukidde.
- 17 Kubanga Kerode yennyini yatuma, n'akwata Yokaana, n'amusiba n'amussa mu kkomera olwa Kerodiya, mukazi wa muganda we Firipo: kubanga yamuwasa.
- 18 Kubanga Yokaana yagamba Kerode nti Kya muzizo ggwe okubeera ne mukazi wa muganda wo.
- 19 Ne Kerodiya kyeyava amuwera n'ayagala okumutta, n'atayinza;
- 20 kubanga Kerode yatya Yokaana, ng'amumanyi nga mutuukirivu mutukuvu, n'amwerinda. Yayagalanga nnyo okuwulira by'ayogera; naye ate byamulekanga nga tamanyi kya kukola.
- 21 Awo olunaku olulungi bwe lwatuuka, Kerode lwe yafumbira abakungu be embaga ku

- lunaku olw'okuzaalibwa kwe, n'abakulu ba sserikale, n'abaami ab'e Ggaliraaya:
- 22 awo muwala wa Kerodiya yennyini bwe yajja n'azina, Kerode n'abo abaali batudde naye nga balya ne bamusiima; awo kabaka n'agamba omuwala nti Nsaba ky'oyagala kyonna, nnaakikuwa.
 - 23 N'amulayirira nti Kyonna kyonna ky'ononsaba, nnaakikuwa, newakubadde ekitundu eky'obwakabaka bwange.
 - 24 Awo n'afuluma, n'agamba nnyina nti Nnaasaba ki? N'agamba nti Omutwe gwa Yokaana Omubatiza.
 - 25 Amangu ago n'ayanguwako n'ajja eri kabaka, n'asaba, ng'agamba nti Njagala ompeere kaakano mu lutiba omutwe gwa Yokaana Omubatiza.
 - 26 Awo kabaka n'anakuwala nnyo; naye olw'ebirayiro bye, n'abo abaali batudde naye nga balya, n'atayagala kumumma.
 - 27 Amangu ago kabaka n'atuma sserikale omumbowa, n'alagira okuleeta omutwe gwe; n'agenda n'amutemerako omutwe mu kkomera,
 - 28 n'aleetera omutwe gwe mu lutiba, n'aguwa omuwala, n'omuwala n'aguwa nnyina.
 - 29 Awo abayigirizwa be bwe baawulira, ne bajja ne batwala omulambo gwe, ne baguteeka mu ntaana.
 - 30 Abatume ne bakuaanira awali Yesu; ne bamubuulira ebigambo byonna, bye baakola, ne bye baayigiriza.
 - 31 N'abagamba nti Mujje mmwe mwekka kyama mu kifo eteri bantu muwummuleko katonu. Kubanga waaliwo bangi abajja n'abagenda, so ne bataba na bbanga newakubadde aw'okuliira.
 - 32 Ne bagendera mu lyato kyama mu kifo eteri bantu.
 - 33 Ne babalaba nga bagenda, bangi ne babategeera, n'abo abaava mu bibuga byonna ne baddukana ku lukalu, ne babasookayo.
 - 34 Bwe yava mu lyato n'alaba ebibiina bingi, n'abasaasira, kubanga baali ng'endiga ezitalina musumba; n'atanula okubayigiriza ebigambo bingi.
 - 35 Awo obudde bwe bwali buyise, abayigirizwa be ne bajja w'ali, ne bagamba nti Ekifo kino kya ddungu, ne kaakano obudde buyise:
 - 36 basiibule, bagende mu byalo ne mu mbuga eby'oku njuyi zonna beegulire emmere.
 - 37 Naye n'addamu, n'abagamba nti Mmwe mubawe emmere. Ne bamugamba nti Tugende tugule emigaati egy'eddinaali ebibiri tugibawe balye?
 - 38 N'abagamba nti Mulina emigaati emeka? mugende mulabe. Bwe baategeera ne bagamba nti Etaano, n'ebyennyanya bibiri.
 - 39 N'abalagira batuule bonna bibiina bibiina ku muddo.
 - 40 Ne batuula nnyiriri nnyiriri, ekikumi, n'amakumi ataano.
 - 41 N'akwata emigaati etaano n'ebyennyanya ebibiri, n'atunula waggulu, ne yeebaza, n'amenyamu emigaati, n'awa abayigirizwa be bagisse mu maaso ga bali; n'ebyennyanya bibiri n'abigabira bonna.
 - 42 Ne balya bonna ne bakkuta.
 - 43 Ne bakuaanya obukunkumuka, ne bujjuza ebibbo kkumi na bibiri, n'ebyennyanya.
 - 44 Abo abaalya emigaati baali abasajja enkumi ttaano.
 - 45 Amangu ago n'abawaliriza abayigirizwa be okusaabala mu lyato basookeyo emitala w'eri e Besusayida, ye amale okusiibula ebibiina.
 - 46 Awo bwe yamala okubasiibula n'agenda ku lusozi okusaba.
 - 47 Awo bwe bwali buwungedde, eryato lyali mu nnyanja mu buziba, ye yali yekka ku lukalu.
 - 48 Awo bwe yalaba nga bategana okuvuga, kubanga omuyaga gwali gubafulumye mu maaso, mu kisisimuka eky'okuna eky'ekiro n'ajja gye baali ng'atambulira ku nnyanja; yali ng'agenda kubayisa:

- 49 naye bo, bwe baamulaba ng'atambulira ku nnyanja, ne balowooza nti kifaananyi, ne bakaaba;
- 50 kubanga bonna baamulaba, ne beeraliikirira. Naye amangu ago n'ayogera nabo n'abagamba nti Mugume: nze nzuuno, temutya.
- 51 N'alinyi mu lyato mwe baali, omuyaga ne gufa: ne bawuniikirira nnyo munda yaabwe;
- 52 kubanga eby'emigaati tebaabitegeera, naye emitima gyabwe gyali mikakanyavu.
- 53 Awo bwe baawunguka, ne bajja mu nsi ey'e Genesaleeti, ne bagoba ettale
- 54 Awo bwe baava mu lyato, amangu ago ne bamutegeera,
- 55 ne baddukana ne beetooloola mu nsi eyo yonna, ne batanula okusitulira ku bitanda abalwadde okubaleeta we baawulira nga w'ali.
- 56 Ne buli gye yagendanga, mu mbuga, oba mu bibuga, oba mu byalo, bassanga abalwadde mu butale, ne bamwegayirira bakomeko bukomi ku lukugiro lw'olugoye lwe: n'abo abaamukomangako ne bawona.

Essuula 7

- 1 Ne bakuaanira w'ali Abafalisaayo n'abawandiisi abamu abaava e Yersaalemi,
- 2 era abaalaba abayigirizwa be abamu ne balya emmere yaabwe n'engalo embi, ze zitanaabiddwa.
- 3 Kubanga Abafalisaayo, n'Abayudaaya bonna bwe batanaaba nnyo mu ngalo zaabwe, tebalya, kubanga bakwata obulombolombo obw'abakadde
- 4 era bwe bava mu katale, bwe batanaaba, tebalya: era waliwo n'ebirala bingi bye baaweebwa okukwata, okunaazanga ebikompe; n'ebibya, n'entamu ez'ebikomo.
- 5 Abafalisaayo n'abawandiisi ne bamubuuza nti Kiki abayigirizwa bo ekibalobera okutambulira mu bulombolombo obw'abakadde, naye bamala galya emmere n'engalo embi?
- 6 N'abagamba nti Isaaya yalagula bulungi ku mmwe bannanfuusi, nga bwe kyawandiiki-
ibwa nti Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa, Naye emitima gyabwe gindi wala.
- 7 Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata.
- 8 Muleka etteeka lya Katonda, ne mukwata obulombolombo bw'abantu.
- 9 N'abagamba nti Mugaanira ddala bulungi etteeka lya Katonda, era mukwate obulom-
bolombo bwammwe.
- 10 Kubanga Musa yayogera nti Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko; era nti Avu-
manga kitaawe Oba nnyina, bamuttanga bussii:
- 11 naye mmwe mwogera nti Omuntu bw'agamba kitaawe oba nnyina nti Kyonna kye
nmandikwadde okukugasa ye Kolubaani, ekitegeezebwa nti Kitone kya Katonda;
- 12 temukyamuganya okukolera ekintu kitaawe oba nnyina;
- 13 mudibya ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe, bwe mwayigiriza:
era mukola ebigambo ebirala bingi ng'ebyo.
- 14 Ate n'ayita ebibiina, n'abagamba nti Mumpulire mwenna, mutegeere;
- 15 tewali kintu ekiri ebweru w'omuntu bwe kiyingira mu ye, ekiyinja okumwonoona,
naye ebintu ebiwa mu muntu, ebyo bye byonoona omuntu.
- 16 Buli alina amatu ag'okuwulira, awulire.
- 17 Awo bwe yayingira mu nnyumba ng'avudde mu bibiina, abayigirizwa be ne bamubu-
uza olugero olwo.
- 18 N'abagamba nti Bwe mutyo nammwe temulina magezi? Temutegeera nga kyonna
ekiri ebweru bwe kiyingira mu muntu, tekiyinja kumwonoona;
- 19 kubanga tekiyingira mu mutima gwe; naye mu lubuto lwe, ne kiyita ne kigenda mu

kiyigo? Yayogera bw'atyo ng'alongoosa ebiriibwa byonna.

- 20 N'agamba nti Ekiva mu muntu; kye kyonoona omuntu.
- 21 Kubanga munda, mu mitima gy'abantu, muvaamu ebirowoozo ebibi, obukaba,
- 22 okubba, okutta, obwenzi, kwegomba: obubi, obukuusa, obuluvu, eriiso ebbi, obuvvoozi, amalala, obusiru;
- 23 ebibi ebyo byonna biva munda ne byonoona omuntu:
- 24 N'agolokoka, n'avaayo n'agenda ku mbibi ez'e Ttuulo n'e Sidoni. N'ayingira mu nnyumba n'atayagala muntu kutegeera, so n'atayinza kwekisa.
- 25 Naye amangu ago omukazi eyalina muwala we eyaliko dayimooni, bwe yamuwulira n'ajja n'afukamira ku bigere bye.
- 26 Omukazi yali Muyonaani eggwanga lye mu Musulofoyiniiki. N'amwegayirira okugoba dayimooni ku muwala we.
- 27 N'amugamba nti Leka abaana bamale okukkuta kubanga si kirungi okuddira emmere y'abaana okugisuulira embwa.
- 28 Naye nti naddamu n'amugamba nti Weewaawo Mukama wange n'embwa ziriira wansi w'emmeeza obukunkumuka bw'abaana.
- 29 N'amugamba nti Olw'ekigambo ekyo, weddireyo; dayimooni avudde ku muwala wo.
- 30 N'addayo mu nnyumba ye, n'asanga omuwala ng'agalamizibwa ku kitanda, ne dayimooni ng'amuvuddeko.
- 31 Ate n'ava mu mbibi ez'e Ttuulo, n'ajja n'ayita mu Sidoni ne wakati mu mbibi ez'e Dekapoli n'atuuka ku nnyanja ey'e Ggaliraaya.
- 32 Ne bamuleetera omuggavu w'amatu, atayogera bulungi, ne bamwegayirira okumusasaako omukono gwe.
- 33 N'amuggya mu kibiina kyama, n'amussa engalo mu matu ge, n'awanda amalusu n'amukoma ku lulimi;
- 34 n'atunula waggulu mu ggulu, n'asinda n'amugamba nti Efasa, kwe kugamba nti Zibuka.
- 35 Amatu ge ne gazibuka n'enkolo y'olulimi lwe n'esumulukuka n'ayogera bulungi.
- 36 N'abakuutira baleme okubuularako muntu; naye nga bwe yeeyengera okubakuutira, bwe beeyongera ennyo nnyini okukibunya.
- 37 Ne bawuniikirira nnyo nnyini kitalo nga bagamba nti Byonna akoze bulungi: aggula abaggavu b'amatu, era ayogeza abasiru.

Essuula 8

- 1 Awo mu nnaku ezo, ebibiina bwe byayinga obungi nate, ne bataba na mmere, n'ayita abayigirizwa be n'abagamba nti
- 2 Nsaasira ebibiina, kubanga leero ennaku ssatu nga bali nange, so tebalina mmere;
- 3 bwe mbasiibula okuddayo nga basiibye enjala, banaazirikira mu kkubo; n'abamu bava wala.
- 4 Abayigiriwa be ne bamuddamu nti Omuntu anaayinza atya okukkusa abantu bano emigaati wano mu ddungu?
- 5 N'ababuuzwa nti Mulina emigaati emeka? Ne bamugamba nti Musanvu.
- 6 N'alagira ebibiina okutuula wansi: n'addira emigaati omuanvu, ne yeebaza, n'amenyamu, n'awa abayigirizwa be, okugissa mu maaso gaabwe; ne bagissa mu maaso g'ekibiina.
- 7 Era baali balina obw'ennyanja butono: n'abwebaza, n'alagira n'obwo okubussa mu maaso gaabwe.
- 8 Ne balya ne bakkuta, ne bakuaanya obukunkumuka kwasigalawo ebisero musanvu.
- 9 Baali ng'enkumi nnya: n'abasiibula.

- 10 Amangu ago n'asaabala mu lyato n'abayigirizwa be, n'ajja ku njuyi ez'e Dalumanusa.
- 11 Abafalisaayo ne bafulumu ne bajja, ne batanula okumusokaasoka, nga banoonya gy'ali akabonero akava mu ggulu, nga bamukema.
- 12 N'asinda nnyo mu mwoyo gwe, n'agamba nti ab'Emirembe gino banooyeza ki akabonero? mazima mbagamba nti ab'Emirembe gino tebaliweebwa kabonero.
- 13 N'abaleka, n'asaabala nate n'agenda emitala w'eri.
- 14 Awo ne beerabira okutwala emigaati, so tebaali nagyo mu lyato wabula omugaati gumu.
- 15 N'aakuutira ng'agamba nti Munywere, mwekuume ekizimbulukusa eky'Abafalisaayo n'ekizimbulukusa kya Kerode.
- 16 Ne beebuuzaganya bokka na bokka, ne bagamba nti Tetulina migaati.
- 17 Yesu bwe yategeera n'abagamba nti Kiki ekibeebuuzaganyisa olw'obutaba na migaati? temunnalaba, so temutegeera? emitima gyammwe mikakayavu?
- 18 Mulina amaaso, temulaba? mulina amatu, temuwulira? temujjukira?
- 19 Bwe nnameyera enkumi ettaano emigaati etaano, ebibbo bimeka ebyajjula obukunkumuka bye mwakuaanya? Ne bamugamba nti Kkumi na bibiri.
- 20 Era bwe nnameyera omusanvu enkumi ennya, mwakuaanya ebisero bimeka ebyajjula obukunkumuka? Ne bamugamba nti Musanvu.
- 21 N'abagamba nti Temunnategeera?
- 22 Ne bajja ne batuuka mu Besusayida ne bamuleetera omuzibe w'amaaso, ne bamwe-gayirira okumukomako.
- 23 N'akwata omuzibe w'amaaso ku mukono, n'amufulumya ebweru w'embuga; awo bwe yawanda amalusu ku maaso ge, n'amussaako engalo, n'amubuuza nti Oliko ky'olaba?
- 24 N'atunula waggulu, n'agamba nti Ndaba abantu, kubanga ndaba bafaanana ng'emitu, nga batambula.
- 25 Ate n'amussa engalo ku maaso ge n'akanula okulaba, n'awona, n'alaba byonna bulungi.
- 26 N'amusindika ewuwe, ng'amugamba nti Toyingeranga mu mbuga muno.
- 27 Yesu n'asitula n'agenda n'abayigirizwa be mu mbuga z'e Kayisaliya ekya Firipo. Bwe baatuuka mu kkubo n'abuuza abayigirizwa be, n'abagamba nti Abantu bampita ani?
- 28 Ne bamugamba nti Yokaana Omubatiza: n'abalala nti Eriya: naye abalala nti Omu ku bannabbi.
- 29 Ye n'ababuuza nti Naye mmwe mumpita ani? Peetero n'addamu n'amugamba nti Ggwe Kristo.
- 30 N'abakomako baleme okubuulirako omuntu ebigambo bye.
- 31 N'atanula okubayigiriza nti kimugwanira Omwana w'omuntu okubonyaabonyezebwa ebingi, n'okugaanibwa abakadde, ne bakabona abakulu, n'abawandiisi, n'okuttibwa, n'okuyitawo ennaku essatu okuzuukira.
- 32 N'ayogera ekigambo ekyo mu lwatu. Peetero n'amutwala, n'atanula okumunneya.
- 33 Naye n'akyuka, n'alaba abayigirizwa be, n'anyeny Peetero, ng'agamba nti Dda ennyuma wange, Setaani: kubanga tolowooza bya Katonda, wabula eby'abantu.
- 34 N'ayita ebibiina n'abayigirizwa be, n'abagamba nti Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefirize yekka, yeetikke omusalaba gwe, angoberere.
- 35 Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; na buli alibuza obulamu bwe ku lwange n'olw'enjiri alibulokola.
- 36 Kubanga kimugasa ki omuntu okulya ensi zonna, n'okufirwa obulamu bwe?
- 37 Kubanga omuntu yandiwaddeyo ki okununula obulamu bwe?
- 38 Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange mu mireembe gino egy'obwenzi era emibi, n'Omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi oyo lw'alijjira

mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika abatukuvu.

Essuula 9

- 1 N'abagamba nti Mazima mbagamba nti Ku bano abayimiridde wano waliwo abamu abatalirega ku kufa n'akatono; okutuusa lwe baliraba obwakabaka bwa Katonda nga bujja n'amaanyi.
- 2 Awo ennaku omukaaga bwe zaayitawo Yesu n'atwala Peetero ne Yakobo ne Yokaana, n'agenda nabo ku lusozi oluwanvu bokka mu kyama: n'afuusibwa mu maaso gaabwe.
- 3 Engoye ze ne zaakaayakana ne zitukula nnyo; so nga tewali mwozi ku nsi ayinza okuzitukuzwa bw'atyo.
- 4 Awo Eriya ne Musa ne babalabikira; era baali boogera ne Yesu.
- 5 Peetero n'addamu, n'agamba Yesu nti Labbi, kye kirungi ffe okubeera wano; kale tusiisire ensiisira ssatu; emu yiyo, n'emu ya Musa, n'emu ya Eriya.
- 6 Kubanga yali tamanyi ky'anaddamu; kubanga baali batidde nnyo.
- 7 Awo ekire ne kijja ne kibasiikiriza; eddoozi ne lifuluma mu kire nti Ono ye Mwana wange omwagalwa: mumuwulire.
- 8 Bwe baakebuka amangu ago, ne batalaba muntu nate wabula Yesu yekka nabo.
- 9 Awo bwe baali bakka ku lusozi, n'abakuutira baleme okubuulirako omuntu bye balabye, okutuusa Omwana w'omuntu lw'alizuukira mu bafu.
- 10 Ne bakyekuuma ekigambo ekyo nga beebuuzaganya bokka nti Okuzuukira mu bafu kuliba kutya?
- 11 Ne bamubuuza nga bagamba nti Abawandiisi boogera nti kigwana Eriya okusooka okujja.
- 12 N'abagamba nti Eriya y'asooka okujja, n'alongoosa byonna: era kyawandiikirwa kitya Omwana w'omuntu okubonyaabonyezebwa ebingi n'okunyoombwa?
- 13 Naye mbagamba nti Eriya yamala okujja, era baamukola buli kye baayagala, nga bwe kyamuwandikirwa.
- 14 Awo bwe baatuuka eri abayigirizwa be, ne balaba ekibiina kinene nga kibeetoolodde, n'abawandiisi nga babasokaasoka.
- 15 Amangu ago ekibiina kyonna bwe kyamulaba, ne beewuunya nnyo, ne baddukana gy'ali ne bamulamusa.
- 16 N'ababuza nti Mubasokaasoka lwaki?
- 17 Omu mu kibiina n'amuddamu nti Omuyigiriza, nkuleetedde omwana wange, aliko dayimooni atayogera;
- 18 buli gy'amutwala, amukuba ebigwo; abimba ejjovu, aluma amannyo, akonvuba: ambye abayigirizwa bo bamugobe; ne batayinza.
- 19 N'abaddamu, n'agamba nti Mmwe ab'emirembe egitakkiriza, ndituusa wa okubeera nammwe? ndituusa wa okubagumiikiriza? mumundeetere.
- 20 Ne bamuleeta gy'ali: awo bwe yamulaba, amangu ago dayimooni n'amutaagulataagula nnyo; n'agwa wansi, ne yeekulungula, ng'abimba ejjovu.
- 21 N'abuza kitaawe nti Obulwadde buno kasookedde bumukwata bbanga ki? N'agamba nti Bwa mu buto.
- 22 Emirundi mingi ng'amusuula mu muliro ne mu mazzi okumutta: naye oba ng'oyinza, tusaasire, otubeere.
- 23 Yesu n'amugamba nti Oba ng'oyinza! byonna biyinzika eri akkiriza.
- 24 Amangu ago kitaawe w'omwana n'ayogerera waggulu, n'agamba nti Nzikirizza: saasira obutakkiriza bwange.
- 25 Awo Yesu bwe yalaba ng'ekibiina kikuaana mbiro, n'aboggolera dayimooni, n'amugamba nti Ggwe dayimooni atayogera, era omuggavu w'amatu, nze nkulagira,

muveeko, tomuddiranga nate n'akatono.

- 26 Awo n'akaaba, n'amutaagula nnyo, n'amuvaako; n'afaanana ng'afudde; n'okugamba abalala bangi ne bagamba nti Afudde.
- 27 Naye Yesu n'amukwata ku mukono, n'amuyimusa; n'ayimirira.
- 28 Awo bwe yayingira mu nnyumba, abayigirizwa be ne bamubuuza mu kyama nti Ffe tetwayinzizza kumugoba.
- 29 N'abagamba nti Engeri eno teyinzika kuvaako lwa kigambo wabula olw'okusaba.
- 30 Ne bavaayo, ne bayita mu Ggaliraaya, n'atayagala muntu yenna kutegeera.
- 31 Kubanga yayigiriza abayigirizwa be n'abagamba nti Omwana w'omuntu aweebwayo mu mikono gy'abantu, balimutta; kale bw'alimala okuttibwa, era waliyita ennaku ssatu n'azuukira.
- 32 Naye tebaategeera kigambo ekyo, ne batya okumubuuza.
- 33 Ne batuuka e Kaperunawumu: awo bwe yali ng'ali mu nnyumba n'ababuuza nti Mubadde muwakana ki mu kkubo?
- 34 Naye ne basirika: kubanga baali bawakana bokka na bokka mu kkubo nti ani omukulu.

- 35 N'atuula, n'ayita ekkumi n'ababiri, n'abagamba nti Omuntu bw'ayagala okuba ow'olubereberye, anaabanga ku nkomerero ya bonna, era muweereza wa bonna.
- 36 N'addira omwana omuto, n'amuyimiriza wakati mu bo: awo n'amuwambaatira n'abagamba nti
- 37 Buli anakkirizanga omu ku baana abato abalianga ono, mu linnya lyange, ng'akkirizza nze: na buli muntu yenna anzikiriza nze, takkiriza nze, wabula oli eyantuma.
- 38 Awo Yokaana n'amugamba nti Omuyigiriza, twalaba omuntu ng'agoba dayimooni mu linnya lyo; ne tumugaana, kubanga teyayita naffe.
- 39 Naye Yesu n'agamba nti Temumugaananga: kubanga tewali muntu anaakolanga eky'amagero mu linnya lyange ate amangu ago n'anvuma.
- 40 Kubanga atali mulabe waffe ng'ali ku lwaffe.
- 41 Kubanga buli muntu anaabanywesanga mmwe ekikompe ky'amazzi kubanga muli ba Kristo, mazima mbagamba nti talibulwa mpeera ye n'akatono.
- 42 Na buli muntu aneesittazanga omu ku abo abato abanzikiriza, waakiri oyo okusibibwa olubengo olunene mu bulago bwe asuulibwe mu nnyanja.
- 43 Omukono gwo bwe gukwesittazanga, ogutemangako; waakiri ggwe okuyingira mu bulamu, ng'obuliddwako ekitundu, okusinga okugenda mu Ggeyeena ng'olina emikono gyombi, mu muliro ogutazikira;
- 44 envunyu yaabwe gye tefira so n'omuliro teguzikira.
- 45 N'okugulu kwo bwe kukwesittazanga, okutemangako: waakiri ggwe okuyingira mu bulamu ng'obuliddwako okugulu, okusinga okusuulibwa mu Ggeyeena, ng'olina amagulu gombi;
- 46 envunyu yaabwe gye tefira so n'omuliro teguzikira.
- 47 N'eriiso lyo bwe likwesittazanga, oliggyangamu; waakiri ggwe okuyingira mu bwak-abaka bwa Katonda ng'oli wa ttulu, okusinga okusuulibwa mu Ggeyeena, ng'olina amaaso gombi;
- 48 envunyu yaabwe gye tefira, so n'omuliro teguzikira.
- 49 Kubanga buli muntu alirungibwamu omuliro.
- 50 Omunno mulungi: naye omunno bwe guggwaamu ensa mulizzaamu ki? Mmwe mubeere n'omunno munda wammwe, mutabagane mwekka na mwekka.

Essuula 10

- 1 Awo n'agolokoka n'avaayo, n'ajja mu mbibi ez'e Buyudaaya n'emitala wa Yoludaani:

- ebibiina bingi ne bikuaanira w'ali nate; nga bwe yayisanga n'abayigiriza nate.
- 2** Awo Abafalisaayo ne bajja gy'ali, ne bamubuuza nti Kirungi omuntu okugobanga mukazi we? nga bamukema.
 - 3** Naye n'addamu n'abagamba nti Musa yabalagira atya?
 - 4** Ne bagamba nti Musa yakkiriza okuwandiikanga ebbaluwa ey'okugoba; alyoke agob-ebwenga.
 - 5** Naye Yesu n'abagamba nti Olw'obukakanyavu bw'emitima gyammwe kyeyava abawandiikira etteeka lino.
 - 6** Naye okuva ku lubereberye lw'okutonda, yabatonda omusajja n'omukazi.
 - 7** Omuntu kyanaavanga aleka kitame ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we;
 - 8** nabo bombi banaabanga omubiri gumu: kale nga tebakyalibabiri nate, wabula omubiri gumu.
 - 9** Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawukanyanga.
 - 10** Awo ate mu nnyumba abayigirizwa ne bamubuuza ekigambo ekyo.
 - 11** N'abagamba nti Buli muntu yenna anaagobanga mukazi we, n'awasa omulala, ng'ayenze okumusobya;
 - 12** naye yennyini bw'anaanobanga ewa bba, n'afumbirwa omulala, ng'ayenze.
 - 13** Awo ne bamuleetera abaana abato, okubakomako: abayigirizwa be ne bajunga abaa-baleeta.
 - 14** Naye Yesu bwe yalaba n'asunguwala, n'abagamba nti Mukkirize abaana abato bajje gye ndi; so temubagaana; kubanga abafaanana nga bano obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe:
 - 15** Mazima mbagamba nti Buli atakkirizenga bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono.
 - 16** N'abawambaatira, n'abawa omukisa, ng'abassaako emikono.
 - 17** Bwe yali ng'agenda mu kkubo, omu n'ajja gy'ali ng'addukana, n'amufukaamirira, n'amubuuza nti Omuyigiriza omulungi, naakola ntya okusikira obulamu obutagg-waawo? Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.
 - 18** Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.
 - 19** Omanyi amateeka, Tottanga, Toyendanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Tolyazaa-manyanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko.
 - 20** N'amugamba nti Omuyigiriza, ebyo byonna nnabikwata okuva mu buto bwange.
 - 21** Yesu bwe yamutunuulira n'amwagala, n'amugamba nti Oweebuuseeko ekigambo kimu: genda otunde byonna by'oli nabyo, ogabire abaavu, naawe oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje ongoberere.
 - 22** Naye n'atokooterera olw'ekigambo ekyo, n'agenda ng'anakuwadde; kubanga yali alina ebintu bingi.
 - 23** Awo Yesu ne yeetoolooza amaaso, n'agamba abayigirizwa be nti Nga kizibu abagagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!
 - 24** Abayigirizwa ne beewuunya ebigambo bye. Naye Yesu n'addamu nate, n'abagamba nti Abaana, nga kizibu abo abeesiga obugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!
 - 25** Kye kyangu eamira okuyita mu nnyindo y'empiso, okukira omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
 - 26** Ne bawuniikirira nnyo, ne bamugamba nti Kale ani ayinza okulokoka?
 - 27** Awo Yesu n'abatunuulira n'agamba nti Mu bantu tekiyinzika, naye si bwe kityo eri Katonda; kubanga byonna biyinzika eri Katonda.
 - 28** Awo Peetero n'atanula okumugamba nti Laba, ffe twaleka byonna, ne tukugoberera.

- 29 Yesu n'agamba nti Mazima mbagamba nti Tewali eyaleka ennyumba, oba ab'oluganda, oba bannyina, oba nnyina, oba kitaawe, oba abaana, oba ebyalo, ku lwange n'olw'enjiri,
- 30 ataliweebwa emirundi kikumi mu biro bino ebya kaakano, ennyumba, n'ab'oluganda, ne bannyina ne bannyaabwe, n'abaana, n'ebyalo, n'okuyigganyizibwa; ne mu mirembe egigenda okujja obulamu obutaggwaawo.
- 31 Naye bangi ab'olubereberye abaliba ab'oluvannyuma; n'ab'oluvannyuma abaliba ab'olubereberye.
- 32 Baali mu kkubo nga bambuka e Yerusaalemi; ne Yesu yali ng'abakulembede, ne beewuunya, na bali abaagoberera ne batya: Awo nate n'atwala ekkumi n'ababiri, n'atanula okubabuulira ebigambo ebigenda okumubaako, nti
- 33 Laba, twambuka e Yerusaalemi; Omwana w'omuntu aliweebwayo eri bakabona abakulu n'abawandiisi; balimusalira omusango okumutta, balimuwaayo eri ab'amawanga:
- 34 balimuduulira, balimuwandira amalusu, balimukuba, balimutta; bwe waliyitawo ennaku essatu alizuukira.
- 35 Awo Yakobo ne Yokaana, abaana ba Zebbedaayo, ne basembera w'ali, ne bamugamba nti Omuyigiriza, twagala otukolere kyonna kyonna kye tunaakusaba.
- 36 N'abagamba nti Mwangala mbakolere ki?
- 37 Ne bamugamba nti Tuwe tutuule, omu ku mukono gwo ogwa ddyo, n'omulala ku mukono gwo ogwa kkono, mu kitiibwa kyo.
- 38 Naye Yesu n'abagamba nti Temumanyi kye musaba. Muyinza okunywa ku kikompe kye nnywako nze? oba okubatizibwa n'okubatiza kwe mbatizibwamu nze?
- 39 Ne bamugamba nti Tuyinza. Yesu n'abagamba nti Ekikompe nze kye nnywako mulinywako; n'okubatiza kwe mbatizibwamu nze mulibatizibwa;
- 40 naye okutuula ku mukono gwange ogwa ddyo oba ku gwa kkono, si nze nkugaba, naye kw'abo be kwategekerwa.
- 41 Awo ekkumi bwe baawulira, ne batanula okusunguwalira Yakobo ne Yokaana.
- 42 Yesu n'abayita, n'abagamba nti Mumanyi ng'abo abaalowoozebwa okufuga ab'amawanga babafuza amaanyi; n'abakulu baabwe babatwala lwa mpaka.
- 43 Naye mu mmwe tekiri bwe kityo: naye buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe;
- 44 na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wa bonna.
- 45 Kubanga mazima Omwana w'omuntu teyajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe okununula abangi.
- 46 Awo ne batuuka e Yeriko: bwe yava mu Yeriko n'abayigirizwa be, n'ekibiina kinene, omwana wa Timaayo, Batiimaayo, omusabi omuzibe w'amaaso, yali atudde ku mabali g'ekkubo.
- 47 Awo bwe yawulira nga Yesu Omunazaaleesi ye wuuyo, n'atanula okwogerera waggulu n'okugamba nti Omwana wa Dawudi, Yesu, onsaasire.
- 48 Bangi ne bamuboggolera okusirika: naye ne yeeyongera nnyo okwogerera waggulu nti Omwana wa Dawudi, onsaasire:
- 49 Awo Yesu n'ayimirira n'agamba nti Mumuyite. Ne bayita omuzibe w'amaaso, ne bamugamba nti Guma omwoyo; golokoka, akuyita.
- 50 Naye n'asuula olugoye lwe, n'asituka, n'ajja eri Yesu.
- 51 Yesu n'amuddamu, n'agamba nti Oyagala nkukole ntya? Omuzibe w'amaaso n'amugamba nti Labooni, njagala nzibule.
- 52 Awo Yesu n'amugamba nti Genda; okukkiriza kwo kukuwonyezza. Amangu ago n'azibula, n'amugoberera mu kkubo.

Essuula 11

- 1 Awo bwe baali banaatera okutuuka e Yerusalemi nga batuuse e Besufaage n'e Bessaniya, ku lusozi olwa Zeyituuni, n'atuma ku bayigirizwa be babiri,
- 2 n'abagamba nti Mugende mu mbuga ebali mu maaso: amangu ago bwe munaayingira omwo, munaalaba omwana gw'endogoyi ogusibiddwa, oguteebagalwangako muntu n'akatonu; muguyimbule, muguleete.
- 3 Omuntu bw'abagamba nti Mukola ki ekyo? mugamba nti Mukama waffe ye agwe-taaga; amangu ago anaaguweereza eno.
- 4 Ne bagenda, ne basanga omwana gw'endogoyi nga gusibiddwa ku mulyango ebweru mu luguudo; ne baguyimbula.
- 5 Abamu ku abo abaali bayimirikide awo ne babagamba nti Mukola ki okuyimbula omwana gw'endogoyi?
- 6 Ne babagamba nga Yesu bwe yabagamba: ne babaleka.
- 7 Ne baleeta omwana gw'endogoyi eri Yesu, ne bagusuulako engoye zaabwe; n'agweba-gala.
- 8 Bangi ne baaliira engoye zaabwe mu kkubo; abalala ne baaliira amalagala g'emiti, ge baatema mu nnimiro.
- 9 Abaali bakulembede n'abaali bava ennyuma ne boogerera waggulu nti Ozaana; Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama:
- 10 Buweereddwa omu kisa obwakabaka obujja, obwajjajja ffe Dawudi: Ozaana waggulu ennyo.
- 11 N'atuuka ku Yerusalemi n'ayingira mu yeekaalu; bwe yamala okwetoolooza amaaso okulaba byonna, obudde bwali nga buwungeera, n'afuluma n'agenda e Bessaniya n'ekkumi n'ababiri.
- 12 Awo bwe bwakya enkya, bwe baali bavudde mu Bessaniya n'alumwa enjala.
- 13 Awo bwe yalengera omutiini oguliko amalagala n'agutuukako, era wozzi alabeko ekintu: awo bwe yagutuukako, n'atalabako kintu wabula amalagala kubanga si bye byali ebiro by'ettiini.
- 14 N'addamu n'agugamba nti Okusooka leero okutuusa emirembe n'emirembe omuntu talyanga ku bibala byo. Abayigirizwa be ne bawulira.
- 15 Awo ne batuuka e Yerusalemi, n'ayingira mu yeekaalu n'asooka okugoba abaali batunda n'abagulira mu yeekaalu, n'avuunika emmeeza ez'abawaanyisa effeeza, n'entebe z'abo abaali batunda amayiba;
- 16 n'ataganya muntu okuyisa ekibya mu yeekaalu.
- 17 N'ayigiriza, n'abagamba nti Tekyawandiikibwa nti Ennyumba yange eneeyitibwanga nnyumba ya kusabirangamu amawanga gonna? naye mmwe mugifudde mpuku ya banyazi.
- 18 Bakabona abakulu n'abawandiisi bwe baakiwulira, ne basala amagezi bwe banaa-mutta: kubanga baamutya, kubanga ebibiina byonna baawuniikirira olw'okuyigiriza kwe.
- 19 Awo buli kawungeezi yafulumanga mu kibuga.
- 20 Awo bwe bwakya enkya bwe baali nga bayita, ne balaba omutiini nga guvudde ku kikolo okukala.
- 21 Peetero bwe yajjukira n'amugamba nti Labbi, laba, omutiini gwe wakolimira gukaze.
- 22 Yesu n'addamu n'abagamba nti Mube n'okukkiriza mu Katonda.
- 23 Mazima mbagamba nti Buli aligamba olusozi luno nti Sigulibwa; osuulibwe mu nnyanja; nga tabuusabuusa mu mutima gwe naye ng'akkiza nga kyayogera kikolebwa, alikiweebwa.
- 24 Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira,

mukkirize ga mubiweereddwa, era mulibifuna.

- 25 Awo bwe munaayimiriranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe.
- 26 Naye bwe mutasonyiwa, era ne Kitammwe ali mu ggulu talisonyiwa byonoono byammwe.
- 27 Ate ne batuuka e Yerusaalemi; awo bwe yali ng'atambula mu yeekaalu, ne bajja w'ali bakabona abakulu n'abawandiisi n'abakadde;
- 28 ne bamugamba nti Buyinza ki obukukoza bino? Oba ani eyakuwa obuyinza buno okukola bino?
- 29 Awo Yesu n'abagamba nti Naye kambabuuze mmwe ekigambo kimu, munziremu, nange nnaabuulira mmwe obuyinza bwe buli obunkoza bino.
- 30 Okubatiza kwa Yokaana kwava mu ggulu, nantiki mu bantu? munziremu.
- 31 Ne beebuuzaganya bokka na bokka nga bagamba nti Bwe tunaagamba nti Kwava mu ggulu; anaagamba nti Kale kiki ekyabalobera okumukkiriza?
- 32 Naye bwe tunaagamba nti Kwava mu bantu - baatya abantu; kubanga bonna baaloozwa mazima Yokaana okuba nnabbi.
- 33 Ne baddamu Yesu, ne bamugamba nti Tetumanyi. Yesu n'abagamba nti Era nange siibabuulire obuyinza bwe buli obunkoza bino.

Essuula 12

- 1 N'atanula okwogerera nabo mu ngero. Omuntu yasimba olusuku lw'emizabbibu, n'alusibako olukomera, n'asimamu essogolero, n'azimbamu ekigo, n'alupangisaamu abalimi, n'atambula mu nsi endala.
- 2 Awo omwaka bwe gwatuuka n'atuma omuddu eri abalimi, abalimi bamuwe ebibala by'emizabbibu gye.
- 3 Ne bamukwata, ne bamukuba, n'addayo ngalo nsa.
- 4 Ate n'abatamira omuddu omulala, oyo ne bamwasa olubale, ne bamuswaza.
- 5 N'atuma omulala; oyo ne bamutta: n'abalala bangi; abamu nga babakuba, abalala nga babatta.
- 6 Yali ng'alina omu, omwana omwagalwa: oluvannyuma n'amutuma gye baali, ng'agamba nti Banassaamu ekitiibwa omwana wange.
- 7 Naye abalimi bali ne bagambagana bokka na bokka nti Ono ye musika, kale tumutte, n'obusika buliba bwaffe.
- 8 Ne bamukwata, ne bamutta, ne bamusuula ebweru w'olusuku lw'emizabbibu.
- 9 Kale alibakola atya nannyini lusuku lw'emizabbibu? Alijja alizikiriza abalimi, n'olusuku lw'emizabbibu aliruwa balala.
- 10 Temusomanga n'akatono ekyo ekyawandiikibwa nti Ejinja abazimbi lye baagaana, Eryo lyafuulibwa omutwe ogw'oku nsonda:
- 11 Ekyo kyava eri Mukama, Era kya kitalo mu maaso gaffe?
- 12 Ne basala amagezi okumukwata; ne batya ebibiina: kubanga baategeera ng'ageredde ku bo olugero olwo: ne bamuleka, ne bagenda.
- 13 Ne batuma gy'ali ab'omu Bafalisaayo n'Abakerodiyaani okumutega mu bigambo.
- 14 Awo bwe bajja, ne bamugamba nti Omuyigiriza, tumanyi ggwe ng'oli wa mazima, so ebigambo by'omuntu yenna tobissaako mwoyo: kubanga tososola mu bantu, naye oyigiriza ekkubo lya Katonda mu mazima: kale kirungi okuwanga Kayisaali omusolo, nantiki si weewaawo?
- 15 Tuwengayo, oba tetuwangayo? Naye bwe yategeera bunnanfuusi bwabwe, n'abagamba nti Munkemera ki? Mundeetere eddinaali, ngirabe.
- 16 Ne bagireeta. N'abagamba nti Ekifaananyi kino n'obuwandiikeko buno by'ani? Ne

bamugamba nti Bya Kayisaali.

- 17 Yesu n'abagamba nti Ebya Kayisaali mumuwenga Kayisaali, n'ebya Katonda mumuwenga Katonda. Ne bamwewuunya nnyo.
- 18 Awo Abasaddukaayo, abagamba nti tewali kuzuukira, ne bajja w'ali; ne bamubuuza ne bagamba nti
- 19 Omuyigiriza, Musa yatuwandiikira nti Muganda w'omuntu bw'afanga, n'aleka mukazi we, nga talese mwana, muganda we atwalanga mukazi we, n'assizaawo muganda we ezzadde.
- 20 Kale waaliwo ab'oluganda musanvu: ow'olubereberye n'awasa omukazi, n'afa, n'atalekaawo zzadde;
- 21 ow'okubiri n'amuwasa n'afa, era naye n'atalekaawo zzadde; n'ow'okusatu bw'atyo:
- 22 bonna omusanvu ne batalekaawo zzadde. Oluvannyuma bonna nga baweddewo n'omukazi n'afa.
- 23 Kale bwe balizuukira aliba muka ani ku bo? kubanga bonna omusanvu baamuwasa.
- 24 Yesu n'abagamba nti Si kyemuva mukyama nga temumanyi ebyawandiikibwa newakubadde amaanyi ga Katonda?
- 25 Kubanga bwe balizuukira mu bafu tebaliwasa, so tebaliwayira; naye baliba nga bamalayika ab'omu ggulu.
- 26 Naye eby'abafu okuzuukizibwa; temusomanga mu kitabo kya Musa ku Kisaka, Katonda bwe yamubuulira ng'agamba nti Nze ndi Katonda wa Ibulayimu, era Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo?
- 27 Si Katonda wa bafu, naye wa balamu: mukyama nnyo.
- 28 Awo omu ku bawandiisi n'ajja n'awulira nga beebuuzaganya bokka na bokka, n'amanya ng'abazzeemu bulungi, n'amubuuza nti Tteeka ki ery'olubereberye ku gonna?
- 29 Yesu n'addamu nti Ery'olubereberye lye lino nti Wulira Isiraeri; Mukama Katonda waffe, Mukama ye omu;
- 30 era yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna.
- 31 Ery'okubiri lye lino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Tewali tteeka ddala erisinga ago obukulu.
- 32 Omuwandiisi n'amugamba nti Mazima, Omuyigiriza, oyogedde bulungi nga Katonda ali omu so tewali mulala wabula ye:
- 33 n'okumwagala n'omutima gwonna, n'okutegeera kwonna, n'amaanyi gonna, n'okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka kusinga nnyo ebiweebwayo byonna ebiramba ebyokebwa ne ssaddaaka.
- 34 Awo Yesu bwe yalaba ng'amuzzeemu ng'omutegeevu, n'amugamba nti Toli wala obwakabaka bwa Katonda. Awo ne wataba muntu ayaanga okumubuuza nate.
- 35 Yesu n'addamu n'agamba ng'ayigiriza mu yeekaalu nti Abawandiisi ekibagambya ki nti Kristo mwana wa Dawudi?
- 36 Dawudi yennyini yagamba mu Mwoyo Omutukuvu nti Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y'ebigere byo.
- 37 Dawudi yennyini amuyita Mukama we, abeera atya omwana we? Ab'omu kibiina ne bamuwulira n'essanyu.
- 38 Awo mu kuyigiriza kwe n'abagamba nti Mwekuume abawandiisi abaagala okutambula nga bambadde engoye empanvu, n'okulamusiibwa mu butale,
- 39 n'entebe ez'oku manjo mu makuaaniro n'ebifo eby'ekitiibwa mu mbaga;
- 40 abalya ennyumba za bannamwandu, era abasaba ennyo mu bunnanfuusi; abo balizza omusango ogusinga obunene.

- 41 N'atuula okwolekera eggwanika, n'alaba ebibiina bwe bisuula effeeza mu ggwanika: bangi abaali abagagga abaasuulam ebingi.
- 42 Awo nnamwandu omu omwavu n'ajja, n'asuulamu ebitundu bibiri, ye kodulante.
- 43 N'ayita abayigirizwa be, n'abagamba nti Mazima mbagamba nti Nnamwandu ono omwavu asuddemu bingi okusinga bonna abasuula mu ggwanika:
- 44 kubanga bonna basuddemu ku bibafikkiridde; naye oyo mu kwetaaga kwe asuddemu byonna by'ali nabyo; bwe bulamu bwe bwonna.

Essuula 13

- 1 Awo bwe yafuluma mu yeekaalu, omu ku bayigirizwa be n'amugamba nti Omuyigiriza, laba, amayinja gano bwe gali, n'enzimba eno bw'eri.
- 2 Yesu n'amugamba nti Olaba enzimba eno ennene? teririrekebwa wano jjinja eriri ku jjinja eritalisuulibwa wansi.
- 3 Bwe yali atudde ku lusozi olwa Zeyituuni ng'ayolekedde yeekaalu, Peetero ne Yakobo ne Yokaana ne Andereya ne bamubuuza mu kyama nti
- 4 Tubuulire, ebyo biribaawo ddi? n'akabonero ki ak'ebyo nga bigenda okutuukirizibwa byonna?
- 5 Yesu n'asooka okubagamba nti Mwekuume, omuntu yenna tabakyamyanga.
- 6 Bangi abalijja mu linnya lyange nga boogera nti Nze nzuuyo; era balikyamyanga bangi.
- 7 Awo bwe muwuliranga entalo n'ettutumo ly'entalo; temweraliikiriranga: kibigwanira okubaawo; naye enkomerero ng'ekyali.
- 8 Kubanga eggwanga lirirumba ggwanga linnaalyo, n'obwakabaka obw'akabaka bunnaabwo: walibaawo ebikankano mu bifo bingi; walibaawo enjala: ebyo lwe lubereberye lw'okulumwa.
- 9 Naye mwekuume mwekka: kubanga balibawaayo mu nkiiko: mulikubirwa ne mu makuaaniro; era muliyimirira mu maaso g'abaamasaza ne bakabaka ku lwange, okubeera abajulirwa mu bo.
- 10 Enjiri kigigwanira okumala okubuulirwa amawanga gonna.
- 11 Era bwe babatwalanga okubawaayo, temusookanga kweraliikirira bwe munaayogera: naye kyonna kyonna kye muweebwanga mu kiseera ekyo, ekyo kye mwogeranga, kubanga si mmwe mwogera, wabula Omwoyo Omutukuvu.
- 12 Ow'oluganda anaawangayo muganda we okumutta, ne kitaawe w'omwana anaamuwangayo; abaana banaajeemeranga abaabazaala, banaabassanga.
- 13 Munaakyayibwanga bonna olw'erinnya lyange: naye agumiikiriza okutuusa enkomerero oyo ye alirokoka.
- 14 Naye bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza nnabbi Danyeri kye yayogerako nga kiyimiridde awatakisaanira (asomamu ategeere), kale abali mu Buyudaaya baddukire ku nsozi;
- 15 ali waggulu ku nju takkanga, so tayingiranga kuggyamu kintu mu nju ye:
- 16 n'ali mu lusuku taddanga kutwala lugoye lwe.
- 17 Naye ziribasanga abali embuto; n'abayonsa mu nnaku ezo.
- 18 Musabe bireme okutuukira mu biro eby'empewo.
- 19 Kubanga ennaku ezo ziriba za kulabiramu nnaku, nga tezibangawo bwe zityi kasookedde Katonda atonda ebyatondebwa okutuusa kaakano, so teziriba.
- 20 So singa Mukama teyasala ku nnaku ezo, tewandirokose mubiri gwonna: naye olw'abalonde be yalonda yazisalako ennaku.
- 21 Mu biro ebyo omuntu bw'abagambanganga nti Laba, Kristo ali wano; oba ali eyo; temukkirizanga:
- 22 kubanga bakristo ab'obulimba ne bannabbi ab'obulimba baliyimuka, balikola

- obubonero n'ebyeuwunyo, okukyanya, oba nga kiyinzika abalonde.
- 23 Naye mwekuume mmwe: laba, mbabuulidde byonna nga tebinnabaawo.
 - 24 Naye mu nnaku ezo, okulaba ennaku okwo nga kuwedde, enjuba erizikizibwa n'omwezi tegulyaka musana gwagwo,
 - 25 n'emmuneenye ziriba nga zigwa okuva mu ggulu, n'amaanyi ag'omu ggulu galikankana.
 - 26 Kale ne balyoka balaba Omwana w'omuntu ng'ajjira mu bire n'amaanyi amangi n'ekitiibwa.
 - 27 Awo n'alyoka atuma bamalayika be, alikuaanya abalonde be okuva mu mpewo ennya okuva ku nkomerero y'ensi okutuusa ku nkomerero y'eggulu.
 - 28 Era muyigire ku mutiini olugero lwagwo: ettabi lyagwo bwe ligejja n'amalagala ne gatojjera mutegeera ng'omwaka guli kumpi
 - 29 era nammwe bwe mutyo, bwe mulabanga ebyo nga bituuse; mutegeere ng'ali kumpi, ku luggi.
 - 30 Mazima mbagamba nti Emirembe gino tegiriggwaawo n'akatono okutuusa ebyo byonna lwe birituukirira.
 - 31 Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ebighambo byange tebiriggwaawo n'akatono.
 - 32 Naye eby'olonaku olwo oba ekiseera ekyo tewali amanyi, newakubadde bamalayika abali mu ggulu, newakubadde Omwana, wabula Kitange.
 - 33 Mwekuumenga, mutunulenga, musabenga: kubanga temumanyi biro we birituukira.
 - 34 Ng'omuntu eyaleka ennyumba ye n'atambula mu nsi endala ng'awadde abaddu be obuyinza, buli muntu omulimu gwe n'alagira omuggazi okutunula.
 - 35 Kale mutunule: kubanga temumanyi mukama w'ennyumba w'alijjira, oba kawungeezi, oba ttumbi, oba ng'enkoko ekookolima, oba nkya;
 - 36 atera okujja amangu ago n'abasanga nga mwebase.
 - 37 Era kye mbagamba mmwe mbagamba bonna nti Mutunule.

Essuula 14

- 1 Awo bwe waali wakyabulayo ennaku bbiri, embaga y'Okuyitako n'emigaati egitazim-bulukuswa etuuke: bakabona abakulu n'abawandiisi ne basala amagezi bwe banaa-mukwata mu lukwe n'okumutta:
- 2 kubanga baagamba nti Si ku lunaku lwa mbaga, mpozzi waleme okubaawo akeegungungo mu bantu.
- 3 Awo bwe yali mu Bessaniya mu nnyumba ya Simooni omugenge, ng'atudde ku mmere, omukazi eyalina eccupa ey'amafuta ag'omugavu ogw'omuwendo omungi ennyo n'ajja, n'ayasa eccupa, amafuta n'agafuka ku mutwe gwe.
- 4 Naye waaliwo mu bo abamu abaasunguwala nga bagamba nti Amafuta gafudde ki bwe gatyo?
- 5 Kubanga amafuta gano bandiyinzizza okugatundamu eddinaali ebikumi bisatu n'okusingawo n'okugabira abaavu. Ne bamwemulugunyiza.
- 6 Naye Yesu n'agamba nti Mumuleke; mumunakuwaliza ki? ankoledde ekikolwa ekirungi.
- 7 Kubanga abaavu be muli nabo bulijjo; na buli lwe mwagala muyinza okubakola obulungi: naye nze temuli nange bulijjo.
- 8 Akoze nga bw'ayinzizza: asoose okufuka amafuta ku mubiri gwange nga bukyali okunziika.
- 9 Mazima mbagamba nti Enjiri buli gy'eneebuulirwanga mu nsi zonna, n'ekyo omukazi ono ky'akoze kinaayogerwangako okumujjukira.
- 10 Awo Yuda Isukalyoti, eyali omu ku kkumi n'ababiri, n'agenda eri bakabona abakulu;

okumuwaayo gye bali:

- 11 Awo bwe baawulira, ne basanyuka, ne basuubiza okumuwa effeeza. N'asala amagezi bw'anaalaba ebbanga okumuwaayo.
- 12 Awo ku lunaku olwasooka olw'emigaati egitazimbulukuswa lwe batta Okuyitako, abayigirizwa be ne bamugamba nti Oyagala tugende wa tutegeke gy'onooliira Okuyitako?
- 13 N'atuma ab'oku bayigirizwa be babiri, n'abagamba nti Mugende mu kibuga, anaa-sisinkana nammwe omusajja nga yeetisse ensuwa y'amazzi: mumugoberere;
- 14 yonna yonna mw'anaayingira mugambe nnannyini nnyumba nti Omuyigiriza agambye nti Ennyumba eri ludda wa mwe nnaaliira Okuyitako n'abayigirizwa bange?
- 15 Anaabalaga ye yennyini ennyumba ennene eya waggulu eyaliiriddwa etegekeddwa: mututegekere omwo.
- 16 Awo abayigirizwa ne bagenda ne bajja ku kibuga, ne balaba nga bwe yabagambye: ne bategeka Okuyitako.
- 17 Awo bwe bwawungeera n'ajja n'ekkumi n'ababiri.
- 18 Awo bwe baali batudde ku mmere, Yesu n'agamba nti Mazima mbagamba nti Omu ku mmwe alya nange anandyamu olukwe;
- 19 ne batanula okunakuwala n'okumugamba kinnoomu nti Ye nze?
- 20 N'abagamba nti Omu ku kkumi n'ababiri akoza nange mu kibya ye wuuyo.
- 21 Kubanga Omwana w'omuntu agenda nga bwe kyamuwandiikwako: naye zirimusanga omuntu oyo alyamu olukwe Omwana w'omuntu! kyandibadde kirungi eri oyo singa teyazaalibwa omuntu oyo.
- 22 Awo bwe baali balya, n'atoola omugaati, awo bwe yamala okwebaza n'agumenyamu, n'abawa, n'agamba nti Mutoole; guno gwe mubiri gwange.
- 23 N'addirira ekikompe, awo bwe yamala okweyanza, n'abawa; ne bakinywako bonna.
- 24 N'abagamba nti Guno gwe musaayi gwange ogw'endagaano, oguyiika olw'abangi.
- 25 Mazima mbagamba nti Sirinywa nate ku bibala ku muzabbibu, okutuusa ku lunaku luli lwe ndigunywa omuggya mu bwakabaka bwa Katonda.
- 26 Awo bwe baamala okuyimba oluyimba, ne bafuluma ne bagenda ku lusozi olwa Zeyituuni.
- 27 Awo Yesu n'abagamba nti Munesittala mwenna: kubanga kyawandiikibwa nti Ndikuba omusumba, n'endiga zirisaasaana.
- 28 Naye bwe ndimala okuzuukizibwa, ndibakulembera okugenda mu Ggaliraaya.
- 29 Naye Peetero n'amugamba nti Newakubadde nga bonna baneesittala, naye si nze.
- 30 Yesu n'amugamba nti Mazima nkugamba nti ggwe leero, ekiro kino, enkoko eneeba tennakookolima emirundi ebiri, ononneegaana emirundi esatu.
- 31 Naye ne yeeyongera nnyo okwogera nti Newakubadde nga kiwanira okufiira awamu naawe, siikwegaane n'akatono. Era bonna ne bagamba bwe batyo.
- 32 Awo ne bajja mu kifo erinnya lyakyo Gesusemane: n'agamba abayigirizwa be nti Mutuule wano mmale okusaba.
- 33 N'atwala Peetero ne Yakobo ne Yokaana wamu naye, n'atanula okuwuniikirira n'okweraliikirira ennyo.
- 34 N'abagamba nti Emmeeme yange eriko ennaku nnyingi, zigenda kunzita: mubeere wano, mutunule.
- 35 N'atambulako katono, n'avuunama n'asaba, oba nga kiyinzika, ekiseera kimuyiteko.
- 36 N'agamba nti Aba, Kitange, byonna biyinzika gy'oli; nziyaako ekikompe kino; naye si nga nze bwe njagala, wabula nga ggwe bw'oyagala.
- 37 Awo n'ajja, n'abasanga nga beebase, n'agamba Peetero nti Simooni, weebase? tobadde na maanyi ag'okutunula n'essaawa emu eti?
- 38 Mutunule, musabe, muleme okuyingira mu kukemebwa: omwoyo gwe gwagala, naye

omubiri gwe munafu.

- 39 Nate n'addayo, n'asaba, n'ayogera ebigambo bimu na biri.
- 40 N'akomawo nate, n'abasanga nga beebase, kubanga amaaso gaabwe gaali gakam-bagga nnyo; so tebaamanya bwe banaamuddamu.
- 41 N'ajja omulundi ogw'okusatu, n'abagamba nti Mwebakire ddala kaakano, muwum-mule: kinaamala; ekiseera kituuse; laba, Omwana w'omuntu aweebwayo mu mikony'abalina ebibi.
- 42 Muyimuke, tugende; laba, andyamu olukwe anaatera okutuuka.
- 43 Awo amangu ago, bwe yali akyayogera, Yuda, omu ku kkumi n'ababiri, n'ajja n'ekibi-ina wamu naye abaalina ebitala n'emiggo, nga bava eri bakabona abakulu, n'abawandiisi n'abakadde.
- 44 Era oyo eyamulyamu olukwe yali abawadde akabonero ng'agamba nti Gwe nnaany-wegera, nga ye wuuyo; mumukwate, mumutwale nga mumunywezezza.
- 45 Awo bwe yatuuka, amangu ago n'ajja gy'ali n'agamba nti Labbi; n'amunywegera nnyo.
- 46 Ne bamussaako emikono gyabwe, ne bamukwata.
- 47 Naye omu ku abo abali bayimiridde awo n'asowola ekitala, n'atema omuddu wa kabona asinga obukulu n'amusalako okutu.
- 48 Awo Yesu n'addamu n'abagamba nti Munjijiridde nga bwe mujjira omunyazi; n'ebitala n'emiggo okunkwata?
- 49 Buli lunaku nnabeeranga nammwe mu yeekaalu nga njigiriza, nga temwankwata: naye kino kikoledwa, ebyawandiikibwa bituukirire.
- 50 Awo bonna ne bamwabalira ne badduka.
- 51 Awo omulenzi omu n'amugoberera, eyali yeebikiridde olugoye olw'ekitaani lwokka ku mubiri: ne bamukwata;
- 52 naye n'abalekera olugoye olw'ekitaani, n'adduka bwereere.
- 53 Awo ne batwala Yesu eri kabona asinga obukulu: ne bamukuaanirako bakabona abakulu bonna n'abakadde n'abawandiisi.
- 54 Awo Peetero n'amugoberera wala, okutuuka munda mu luggya lwa kabona asinga obukulu; yali atudde n'abaweereza ng'ayota omuliro.
- 55 Awo bakabona abakulu n'ab'omu lukiiko bonna ne banoonyeza Yesu abajulirwa ab'okumussa, so ne batabalaba:
- 56 Kubanga abaamuwaayiriza eby'obulimba bangi, so n'okuwaayiriza kwabwe tekwali kumu.
- 57 Awo abamu ne bayimuka ne bamuwaayiriza, nga bagamba nti
- 58 Ffe twamuwulira ng'agamba nti Ndimenya yeekaalu eno eyakolebwa n'emikono, ne mu nnaku ssatu ndizimba endala etalikolebwa na mikono.
- 59 So n'okuwaayiriza kwabwe okwo nakwo tekwali kumu.
- 60 Awo kabona asinga obukulu n'ayimirira wakati, n'abuuza Yesu, ng'agamba nti Ggwe toyanukula n'akatono? kiki kye bakulumiriza bano?
- 61 Naye n'asirika busirisi, n'atayanukula n'akatono. Nate kabona asinga obukulu n'amugamba nti Ggwe Kristo, Omwana w'oyo eyeebazibwa?
- 62 Yesu n'agamba nti Nze nzuuno; nammwe muliraba Omwana w'omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi, ng'ajja n'ebire eby'eggulu.
- 63 Awo kabona asinga obukulu n'ayuza engoye ze, n'agamba nti Twetaagira ki nate abajulirwa?
- 64 Muwulidde obuvvoozi bwe: mulowooza mutya? Bonna ne bamusalira omusango ng'asaanira okufa.
- 65 Awo abamu ne batanula okumuwandira amalusu, n'okumubikka mu maaso, n'okumukuba ebikonde n'okumugamba nti Lagula: abaweereza ne bamutwala nga

bamukuba empi.

- 66 Awo Peetero bwe yali wansi mu luggya, omu ku bazaana ba kabona asinga obukulu n'ajja;
- 67 awo bwe yalaba Peetero ng'ayota omuliro, n'amutunuulira, n'agamba nti Naawe wali n'Omunazaaleesi, Yesu.
- 68 Naye ye ne yeegaana ng'agamba nti Simanyi, so sitegeera ky'oyogera: n'agenda ebweru mu kisasi; enkoko n'ekookolima.
- 69 Awo omuzaana n'amulaba, n'atanula nate okubagamba abaali bayimiridde awo nti Ono w'ewaabwe.
- 70 Naye ne yeegaana nate. Awo bwe waayitawo ekiseera kitono, abaali bayimiridde awo ne bagamba Peetero nate nti Mazima oli w'ewaabwe; kubanga oli Mugaliraaya.
- 71 Naye n'atanula okukolima n'okulayira nti Simanyi muntu ono, gwe mwogerako.
- 72 Amangu ago enkoko n'ekookolima omulundi ogw'okubiri. Awo Peetero n'ajjukira ekigambo Yesu bwe yamugambye nti Enkoko eneeba tennakookolima mirundi ebiri, ononneegaana emirundi esatu. Kale bwe yalowooza, n'akaaba amaziga.

Essuula 15

- 1 Awo amangu ago bwe bwakya enkya, bakabona abakulu n'abakadde n'abawandiisi n'ab'omu lukiiko bonna ne bateesa, ne basiba Yesu, ne bamutwala, ne bamuwaayo eri Piraato.
- 2 Awo Piraato n'amubuuza nti Ggwe Kabaka w'Abayudaaya? Bwe yaddamu n'amugamba nti Ggwe oyogedde.
- 3 Awo bakabona abakulu ne bamuloopa ebigambo bingi.
- 4 Awo Piraato n'amubuuza nate, ng'agamba nti Toyanakula n'akatono? laba ebigambo bingi bye bakuloopa.
- 5 Naye Yesu n'ataddamu nate kigambo; Piraato n'okwewuunya ne yeewuunya.
- 6 Awo ku mbaga yabateeranga omusibe omu gwe baamusaba.
- 7 Awo waaliwo omu ayitibwa Balaba, eyasibibwa n'abo abaaajeema abatta abantu mu kujeema okwo.
- 8 Awo ekibiina ne kirinnya ne kitanula okumusaba okubakola nga bwe yabakolanga.
- 9 Awo Piraato n'abaddamu, ng'agamba nti Mwagala mbateere Kabaka w'Abayudaaya?
- 10 Kubanga yategeera nga bakabona abakulu baamuweesezzaayo buggya.
- 11 Naye bakabona abakulu ne baweerera ekibiina nti Balaba gw'aba abateera.
- 12 Awo Piraato n'addamu nate n'abagamba, nti Kale nnaamukola ntya gwe muyita Kabaka w'Abayudaaya?
- 13 Awo ne boogerera waggulu nate nti Mukomerere.
- 14 Awo Piraato n'abagamba nti Kazzi kibi ki ky'akoze? Naye ne beeyongerera nnyo okwogerera waggulu nti Mukomerere.
- 15 Awo Piraato bwe yali ayagala okusanyusa ekibiina, n'abateera Balaba, n'awaayo Yesu okukomererwa ng'amaze okumukuba.
- 16 Awo basserikale ne bamutwala munda mu luggya oluyitibwa Pulayitoliyo; ne bayita ekitongole kyonna okukuaana.
- 17 Ne bamwambaza olugoye olw'effulungu. Ne baluka engule ey'amaggwa ne bagimuttikkira;
- 18 ne batanula okumulamusa nti Mirembe, Kabaka w'Abayudaaya!
- 19 Ne bamukuba olumuli mu mutwe, ne bamuwandira amalusu, ne bafukamira, ne bamusinza.
- 20 Awo bwe baamala okumuduulira, ne bamwambulamu olugoye olw'effulungu, ne bamwambaza engoye ze, ne bamutwala ne bamufulumya okumukomerera.

- 21 Ne bawaliriza omuntu eyali ayita, Simooni ow'e Kuleene, ng'ava mu kyalo, kitaawe wa Alegezanda ne Luufo, okugenda nabo okwetikka omusalaba gwe.
- 22 Ne bamuleeta mu kifo Gologoosa, okutegeezebwa kwakyo nti Kifo kya kiwanga.
- 23 Ne bamuwa omwenge ogutabuddwamu envumbo: naye ye n'atagukkiriza.
- 24 Awo ne bamukomerera, ne bagabana ebyambalo bye, nga babikubirako obululu; buli muntu ky'anaatwala.
- 25 Awo essaawa zaali ziri ssatu, ne bamukomerera.
- 26 Awo ebbaluwa ey'omusango gwe n'ewandiikibwa waggulu nti KABAKA W'ABAYUDAAYA.
- 27 Era n'abanyazi babiri ne babakomerera wamu naye; omu ku mukono gwe ogwa ddyo, n'omulala ku gwa kkono.
- 28 Olwo ekyawandiikibwa ne kituukirira, ekigamba nti N'abalirwa awamu n'abasobya:
- 29 Awo abaali bayita ne bamuvuma nga banyeenya emitwe gyabwe, nga bagamba nti So, ggwe amenya yeekaalu n'ogizimbira ennaku essatu,
- 30 weerokole, ove ku musalaba.
- 31 Era bakabona abakulu ne baduula bwe batyo n'abawandiisi bokka na bokka ne bagamba nti Yalokola balala; tayinza kwerokola yekka.
- 32 Kristo Kabaka wa Isiraeri ave kaakano ku musalaba, tulyoke tulabe tukkirize. Ne bali abaakomererwa naye ne bamuvuma.
- 33 Awo essaawa bwe zaali ziri mukaaga ne waba ekizikiza ku nsi yonna okutuusa ku ssaawa ey'omwenda.
- 34 Awo mu ssaawa ey'omwenda Yesu n'akaaba n'eddoboozi ddene nti Eroi, Eroi, lama sabakusaani? okutegeezebwa kwakyo nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?
- 35 Awo abamu ku abo abaali bayimiridde awo bwe baawulira ne bagamba nti Laba, ayita Eriya.
- 36 Awo omu n'addukana, n'annyika ekisuumwa mu nvinnyo enkaatuufu, n'akissa ku lumuli, n'amuwa okunywa, ng'agamba nti Leka tulabe nga Eriya anajja okumuwanula.
- 37 Awo Yesu n'akaaba n'eddoboozi ddene n'awaayo obulamu.
- 38 Awo n'eggigi ly'omu yeekaalu ne liyulikamu wabiri, okuva waggulu okutuuka wansi.
- 39 Awo omwami w'ekitongole eyali ayimiridde awo ng'amwolekedde bwe yalaba ng'awaddeyo obulamu bw'atyo, n'agamba nti Mazima omuntu ono abadde Mwana wa Katonda.
- 40 Era waaliwo walako abakazi nga balengera: mu abo waaliwo ne Malyamu Magudaleene, ne Malyamu nnyina Yakobo omuto ne Yose, ne Saalome;
- 41 abo bwe yali mu Ggaliraaya be baayitanga naye nga bamuweereza; n'abakazi abalala bangi abaalinnya naye e Yerusalemi.
- 42 Awo bwe bwawungeera, kubanga lwali lunaku lwa Kuteekateeka, lwe lunaku olusooka ssabbiiti,
- 43 Yusufu ow'e Alimasaya, omukulu ateesa ow'ekitiibwa, era eyasuubiranga yennyini obwakabaka bwa Katonda; n'aguma n'ayingira eri Piraato nga tatya, n'asaba omulambo gwa Yesu.
- 44 Awo Piraato ne yeewuunya bw'afudde amangu, n'ayita omwami w'ekitongole n'amubuuza oba ng'ekiseera kiyiseewo yaakafiira.
- 45 Awo bwe yakiwulira okuva eri omwami, n'awa Yusufu omulambo.
- 46 Ye n'agula olugoye olw'ekitaani, n'amuwanula, n'amuzinga mu lugoye olw'ekitaani olwo, n'amussa mu ntaana eyasimwa mu lwazi, n'ayiringisiza ejjinja ku mulyango gw'entaana.
- 47 Malyamu Magudaleene ne Malyamu nnyina Yose ne balaba we yateebwa.

Essuula 16

- 1 Awo ssabbiiti bwe yaggwaako, Malyamu Magudaleene ne Malyamu nnyina Yakobo, ne Saalome ne bagula eby'akaloosa, bajje bamusiige.
- 2 Awo bwe bwakya enkya ku lunaku olusooka mu wiiki, enjuba bwe yali yaakavaayo ne bajja ku ntaana.
- 3 Awo baali beebuuzaganya bokka nti Ani anaatuyiringisiza ejjinja okuliggya ku mulyango gw'entaana?
- 4 Awo bwe baatunuulira, ne balaba ejjinja nga liyiringisibbwa ku bbali; kubanga lyali ddene nnyo.
- 5 Awo bwe baayingira mu ntaana, ne balaba omulenzi ng'atudde ku luuyi olwa ddyo, ng'ayambadde olugoye olutukuvu; ne bawuniikirira.
- 6 N'abagamba nti Temuwuniikirira: munoonya Yesu, Omunazaaleesi, eyakomererwa: azuukidde; tali wano: laba, ekifo we baamussa.
- 7 Naye mugende, mubuulire abayigirizwa be ne Peetero nti Abakulembede okugenda e Ggaliraaya. Eyo gye mulimulabira nga bwe yabagamba.
- 8 Ne bava ku ntaana nga baddukana mangu; kubanga okukankana n'okusamaalirira byali bibakutte: so ne batabuulirako muntu kigambo, kubanga baatya.
- 9 Awo bwe yamala okuzuukira mu makya ku lunaku olw'olubereberye ku nnaku omusanvu n'asooka okulabikira Malyamu Magudaleene gwe yagobako dayimooni omusanvu.
- 10 Oyo n'agenda n'abuulira abaayitanga naye, nga banakuwala nga bakaaba.
- 11 Awo bo, bwe baawulira nga mulamu, ng'alabiddwa ye, ne batakkiriza.
- 12 Ebyo bwe byaggwa n'alabikira bannaabwe babiri mu kifaananyi kirala, nga batambula nga bagenda mu kyalo.
- 13 Awo abo ne bagenda ne babuulira bali abalala, so ne batabakkiriza.
- 14 Oluvannyuma n'alabikira ekkumi n'omu nga batudde ku mmere; n'abanenya olw'obutakkiriza n'obukakaayavu bw'emitima gyabwe, kubanga tebakkiriza abaamulaba ng'amaze okuzuukira:
- 15 N'abagamba nti Mugende mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna.
- 16 Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga.
- 17 Era obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza: banaagobanga emizimu mu linnya lyange; banaayogeranga ennimi empya;
- 18 banaakwatanga ku misota, bwe banaanywanga ekintu ekitta, tekiibakolenga kabi n'akatono; banassangako emikono abalwadde, nabo banaawonanga.
- 19 Awo Mukama waffe Yesu bwe yamala okwogera nabo, n'atwalibwa mu ggulu, n'atula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.
- 20 Bali ne bafuluma, ne babuulira wonna wonna, Mukama waffe ng'akoleranga wamu nabo era ng'anyweza ekigambo mu bubonero obwakiddiriranga. Amiina.

Lukka

Essuula 1

- 1 Bwe baali abangi abaatandika okuwandiika amakulu g'ebigambo ebyatuukirizibwa mu ffe,
- 2 nga bwe baabitubuulira, abo abaasooka okuva ku lubereberye okuba abajulirwa era abaweereza b'ekigambo,
- 3 awo bwe nnaliraanyiza ddala byonna okuva ku lubereberye, era nange nnalaba nga kirungi okukuwandiikira ggwe, Teefiro omulungi ennyo, nga bwe byaliraana;
- 4 olyoke omanyee amazima g'ebigambo bye wayigirizibwa.
- 5 Awo mu mireembe gya Kerode, kabaka We Buyudaaya, waaliwo kabona, erinnya lye Zaakaliya, wa mu lulyo lwa Abiya: era yalina omukazi ow'omu bawala ba Alooni, erinnya lye Erisabesi.
- 6 N'abo bombi baali batuukirivu mu maaso ga Katonda, nga batambulira mu biragiro byonna ne mu by'obutuukirivu ebya Mukama nga tebaliiko kabi.
- 7 So tebaalina mwana, kubanga Erisabesi yali mugumba, nabo bombi baali bakaddiye mu myaka gyabwe.
- 8 Awo olwatuuka, bwe yali ng'akola omulimu ogw'obwa kabona mu maaso ga Katonda ng'oluwalo lwe bwe lwaliraana,
- 9 awo akalulu ne kamugwako ng'empisa ez'obwa kabona bwe zaali okuyingira mu yeekaalu ya Mukama okwoteza obubaane.
- 10 Awo ekibiina kyonna eky'abantu kyali nga kisabira bweru mu kiseera eky'okwoterezaamu.
- 11 Awo malayika wa Mukama n'amulabikira ng'ayimiridde ku luuyi olwa ddyo olw'ekyoto eky'okwoterezaako.
- 12 Awo Zaakaliya bwe yamulaba ne yeeraliikirira, n'atya.
- 13 Naye malayika n'amugamba nti Totya, Zaakaliya; kubanga okwegayirira kwo kuwuliddwa, mukazi wo Erisabesi alikuzaalira omwana ow'obulenzi, olimutuuma erinnya Yokaana.
- 14 Olisanyuka, era olijaguza, era bangi abalisanyukira okuzaalibwa kwe.
- 15 Kubanga aliba mukulu mu maaso ga Mukama, so talinywa mwenge newakubadde ekitamiiza; era alijjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, okuva mu lubuto lwa nnyina.
- 16 Era bangi mu baana ba Isiraeri alibakomyawo eri Mukama Katonda waabwe.
- 17 Alikulembera mu maaso ge: mu mwoyo n'amaanyi ga Eriya okukomyawo emitima gya bajajja eri abaana, n'abatawulira okutambuliranga mu magezi g'abatuukirivu; okutegekera Mukama abantu abateekebwateekewa.
- 18 Awo Zaakaliya n'agamba malayika nti Nnaakimanya ntya ekyo? kubanga nze ndi mukadde, ne mukazi wange akaddiye mu myaka gye.
- 19 Awo malayika n'addamu n'amugamba nti Nze Gabulyeri, ayimirira mu maaso ga Katonda; era nnatumibwa okwogera naawe n'okukubuulira ebigambo ebyo ebirungi.
- 20 Kale, laba, olisirika era nga toyinza kwogera, okutuusa ku lunaku lwe biribaawo ebyo, kubanga tokkirizza bigambo byange, ebirituukirizibwa mu ntuuko zaabyo.
- 21 Awo abantu baali balindirira Zaakaliya, ne beewuunya bw'aludde mu yeekaalu.
- 22 Awo bwe yafuluma n'atayinza kwogera nabo: ne bategeera nti alabye okwolesebwa mu yeekaalu: n'alwawo ng'abawenya n'omukono ng'akyasiruwadde.
- 23 Awo olwatuuka, ennaku ez'okuweereza kwe bwe zaggwaayo, n'addayo eka ewuwe.
- 24 Awo ennaku ezo bwe zaayitawo mukazi we Erisabesi n'aba olubuto: ne yeekwekera emyezi etaano, ng'agamba nti
- 25 Bw'atyo Mukama bw'ankoze mu nnaku ze yantunuuliriramu okunziyako ensonyi mu

bantu.

- 26 Awo mu mwezi ogw'omukaaga malayika Gabulyeri n'atumibwa Katonda mu kibuga eky'e Ggaliraaya erinnya lyakyo Nazaaleesi,
- 27 eri omuwala atamanyi musajja eyali ayogerezebwa omusajja erinnya lye Yusufu ow'omu nnyumba ya Dawudi; n'erinnya ly'omuwala Malyamu.
- 28 Awo n'ayingira omumwe, n'agamba nti Mirembe ggwe aweereddwa ennyo ekisa, Mukama ali naawe.
- 29 Naye ye ne yeeraliikirira ekigambo ekyo, n'alowooza okulamusa okwo bwe kuli.
- 30 Awo malayika n'amugamba nti Totya, Malyamu; kubanga olabye ekisa eri Katonda.
- 31 Era, laba, oliba olubuto, olizaala omwana ow'obulenzi, olimutuuma erinnya Yesu.
- 32 Oyo aliba mukulu, aliyitibwa Mwana w'Oyo Ali waggulu ennyo. Era Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjajjaawe:
- 33 era anaafuganga ennyumba ya Yakobo emirembe n'emirembe, so obwakabaka bwe tebuliggwaawo.
- 34 Awo Malyamu n'agamba malayika nti Kiriba kitya ekyo, kubanga simanyi musajja?
- 35 Ne malayika n'addamu n'amugamba nti Omwoyo Omutukuvu alikujjira, n'amaanyi g'Oyo Ali waggulu ennyo galikusiikiriza: era ekyo ekirizaalibwa kyekiriva kiyitibwa ekitukuvu, omwana wa Katonda.
- 36 Laba, Erisabesi muganda wo, era ye ali lubuto lwa mwana wa bulenzi mu bukadde bwe; guno gwe mwezi gwe ogw'omukaaga eyayitibwanga omugumba.
- 37 Kubanga tewali kigambo ekiva eri Katonda kiribulwa maanyi.
- 38 Malyamu n'agamba nti Laba, nze ndi muzaana wa Mukama; kibe ku nze nga bw'ogambye. Awo malayika n'ava gy'ali.
- 39 Awo mu nnaku ezo Malyamu n'ayimuka n'agenda mangu mu nsi ey'ensozi, mu kibuga kya Yuda;
- 40 n'ayingira mu nnyumba ya Zaakaliya n'alamusa Erisabesi.
- 41 Awo olwatuuka Erisabesi bwe yawulira okulamusa kwa Malyamu, omwana n'abuuk-abuuka mu lubuto lwe; Erisabesi n'ajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu;
- 42 n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene n'agamba nti Oweereddwa omukisa ggwe mu bakazi, n'ekibala eky'omu lubuto lwo kiweereddwa omukisa.
- 43 Nange nno, ekigambo kino kivudde wa, nnyina Mukama wange okujja gye ndi?
- 44 Kubanga laba, eddoboozi ly'okulamusa kwo bwe liyingidde mu matu gange, omwana n'abuukabuuka mu lubuto lwange, olw'essanyu.
- 45 Aweereddwa omukisa eyakkiriza; kubanga birituukirizibwa ebyo bye wagambibwa Mukama.
- 46 Malyamu n'agamba nti Emmeeme yange etendereza Mukama,
- 47 N'omwoyo gwange gusanyukidde Katonda Omulokozi wange.
- 48 Kubanga alabye obunaku bw'omuzaana we: Kubanga, laba, okusooka leero ab'emirembe gyonna banampitanga aweereddawa omukisa.
- 49 Kubanga Omuyinza ankoledde ebikulu; N'erinnya ly'ettukuvu.
- 50 N'ekisa kye kiri mu bamutya; Emirembe n'emirembe.
- 51 Alaze amaanyi n'omukono gwe; Asaasaanyizza abalina amalala mu kuteerera kw'omu mitima gyabwe.
- 52 Agobye abafuzi abeekulumbaza ku ntebe zaabwe, Agulumizizza abeetoowaze.
- 53 Abalina enjala abakkusizza ebirungi; N'abagagga abagobye nga tebalina kintu.
- 54 Abedde Isiraeri omuddu we Ajjukire ekisa kye.
- 55 (Nga bwe yagamba bajjajjaffe) Eri Ibulayimu n'ezzadde lye, emirembe gyonna.
- 56 Awo Malyamu n'amalayo emyezi ng'esatu, n'akomawo ewuwe.
- 57 Awo ebiro bya Erisabesi ne bituuka okuzaala: n'azaala omwana wa bulenzi.
- 58 Baliraanwa be n'ab'ekika kye ne bawulira nga Mukama amugulumiririzza ekisa kye,

ne basanyukira wamu naye.

- 59 Awo olwatuuka ku lunaku olw'omunaana, ne bajja okukomola omwana; baali baagala okumutuuma erinnya lya kitaawe Zaakaliya.
- 60 Nnyina n'addamu nagamba nti Nedda, naye anaatumibwa Yokaana.
- 61 Ne bamugamba nti Tewali wa mu kika kyo ayitibwa linnya eryo.
- 62 Ne bawenya kitaawe, bw'ayagala okumutuuma.
- 63 N'ayagala ekipande eky'okuwandiikako, n'awandiika, n'agamba nti Erinnya lye Yokaana. Ne beewuunya bonna.
- 64 Amangu ago akamwa ke ne kazibuka, n'olulimi lwe ne lusumulukuka, n'ayogera nga yeebaza Katonda.
- 65 Bonna abaali baliraanyeewo ne batya. N'ebigambo ebyo byonna ne bibuna mu nsi yonna ey'ensozi ey'e Buyudaaya.
- 66 Ne bonna abaabiwulira ne babissa mu mitima gyabwe, ne bagamba nti Kale omwana oyo aliba ki? kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu naye.
- 67 Kitaawe Zaakaliya n'ajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, n'alagula, ng'agamba nti
- 68 Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri; Kubanga akyalidde abantu be, era abanunudde,
- 69 Era atuyimusirizza ejjembe ery'obulokozi Mu nnyumba y'omuddu we Dawudi.
- 70 (Nga bwe yayogerera mu kamwa ka bannabbi be abatukuvu, abaaliwo kasookedde ensi ebaawo),
- 71 Okulokolebwa mu balabe baffe; ne mu mikono gy'abo bonna abatukyawa;
- 72 Okutuukiriza ekisa kye yasubiza bajjajaffe, N'okujjukira endagaano ye entukuvu.
- 73 Okutuukiriza ekirayiro kye yalayirira jjajaffe Ibulayimu,
- 74 Okukituwa ffe; ffe bwe tulokolebwa mu mikono gy'abalabe baffe, Tulyoke tumuweereze nga tetuliko kye tutya,
- 75 Mu butukuvu ne mu butuukirivu mu maaso ge ennaku zaffe zonna.
- 76 Naawe, omwana, oliyitibwa naabbi w'Oyo Ali waggulu ennyo: Kubanga olikulembera Mukama okulongoosa amakubo ge;
- 77 Okumanyisa abantu be obulokozi, Ebibi byabwe bibaggibweko,
- 78 Olw'ekisa kya Katonda waffe ekirungi, Emmambya kyevudde etusalira eva mu ggulu,
- 79 Okwakira abatuula mu nzikiza, ne mu kisiikirize ky'olumbe, Okuluamya ebigere byaffe mu kkubo ery'emirembe.
- 80 Omwana n'akula, n'ayongerwako amaanyi mu mwoyo; n'abeera mu malungu okutuusa ku lunaku lwe yayolesebwa eri Isiraeri.

Essuula 2

- 1 Awo olwatuuka mu nnaku ezo etteeka ne liva eri Kayisaali Augusto ab'ensi zonna okuwandiikibwa.
- 2 Okwo kwe kuwandiikibwa okwasooka okubaawo Kuleniyo bwe yali nga y'afuga Obusuuli.
- 3 Bonna ne bagenda okwewandiika, buli muntu mu kibuga kyabo.
- 4 Ne Yusufu n'ava e Nazaaleesi mu kibuga eky'e Ggaliraaya, n'alinnya e Buyudaaya, okugenda mu kibuga kya Dawudi, ekiyitibwa Besirekemu, kubanga yali wa mu nnyumba era wa mu kika kya Dawudi,
- 5 yeewandiike ne Malyamu, gwe yali ayogereza, ng'ali lubuto.
- 6 Awo olwatuuka baali bali eyo, ennaku ze ez'okuzaala ne zituuka.
- 7 N'azaala omwana we omuberebereye; n'amubikka mu ngoye ez'obwana obuwere n'amuzazika mu kisibo, kubanga tebaalaba bbanga mu kisulo ky'abagenyi.
- 8 Waaliwo abasumba mu nsi eyo abaatuulanga ku ttale, nga bakuuma ekisibo kyabwe

ekiro mu mpalo.

- 9 Awo malayika wa Mukama n'ayimirira we baali, n'ekitiibwa kya Mukama ne kibee-tooloola nga kimasamasa, ne batya nnyo.
- 10 Malayika n'abagamba nu Temutya; kubanga, laba, mbaleetera ebigambo ebirungi eby'essanyu eringi eririba eri abantu bonna:
- 11 kubaaga leero azaaliddwa gye muli Omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe.
- 12 Kano ke kabonero gye muli; munaalaba omwana omuwere ng'abikkiddwa mu ngoye ez'obwana obuwere ng'azazikiddwa mu kisibo.
- 13 Awo amangu ago waaliwo ne malayika oyo bangi ab'omu ggye ery'omu ggulu nga batendereza Katonda, nga bagamba nti
- 14 Ekitiibwa kibe eri Katonda waggulu ennyo; Ne mu nsi emirembe gibe mu bantu abasiimibwa.
- 15 Awo olwatuuka, bamalayika bwe baava gye baali okugenda mu ggulu, abasumba ne bagambagana nti Kale tugende e Besirekemu tulabe ekigambo kino ekibaddeyo, Mukama ky'atutegeezezza.
- 16 Ne bajja mangu, ne balaba Malyamu ne Yusufu n'omwana omuwere ng'azazikiddwa mu kisibo.
- 17 Awo bwe baalaba, ne bategeeza ekigambo kye baabuulirwa ku mwana oyo.
- 18 Bonna abaawulira ne beewuunya ebyo abasumba bye baababuulira.
- 19 Naye Malyamu ne yeekuumanga ebigambo ebyo byonna, ng'abirowooza mu mutima gwe.
- 20 Awo abasumba ne baddayo, nga bagulumiza nga batendereza Katonda olw'ebigambo byonna bye baawulira, bye baalaba, nga bwe baabuulirwa.
- 21 Awo ennaku Omunaana bwe zaatuuka ez'okumukomoleramu, n'atuumibwa erinnya lye Yesu, liri eryayogerwa malayika nga tannaba kuba mu lubuto.
- 22 Awo ennaku bwe zaatuuka ez'okulongooka kwabwe ng'amateeka ga Musa bwe gali, ne bamutwala ne bamwambusa e Yerusaalemi: okumwanjulira Mukama
- 23 (nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Mukama nti Buli kisajja ekiggulanda kinaayitibwanga kitukuvu eri Mukama),
- 24 n'okuwaayo asaddaaka nga bwe kyayogerwa mu mateeka ga Mukama, bukaa-mukuukulu bubiri, oba obuyiba obuto bubiri.
- 25 Era, laba, waaliwo omuntu mu Yerusaalemi erinnya lye Simyoni, omuntu oyo yali mutuukirivu, era atya Katonda, ng'alindirira okusanyusibwa kwa Isiraeri: era Omwoyo Omutukuvu yali ku ye.
- 26 Oyo yabikkulirwa Omwoyo Omutukuvu nti taliraba kufa nga tannalaba ku Kristo wa Mukama.
- 27 N'ajjira mu Mwoyo mu yeekaalu: abakadde be bwe baayingiza omwana Yesu okumukola nga bw'eri empisa y'amateeka,
- 28 awo ye n'amukwata mu mikono gye, ne yeebaza Katonda n'agamba nti
- 29 Mukama wange, kaakano osiibula omuddu wo Emirembe, ng'ekigambo kyo bwe kyali.
- 30 Kubanga amaaso gange galabye obulokozi bwo,
- 31 Bwe wateekateeka mu maaso g'abantu bonna:
- 32 Okuba omusana ogw'okumulisa amawanga, N'okuba ekitiibwa ky'abantu bo Isiraeri.
- 33 Kitaawe ne nnyina ne beewuunyanga ebigambo ebyo ebyamwogerwako;
- 34 awo Simyoni n'abasabira omukisa, n'agamba Malyamu nnyina nti Laba, ono ateeked-dwawo bangi mu Isiraeri bagwenga bayimiriranga, n'okuba akabonero akavumibwa;
- 35 era ggwe ekitala kirikufumita mu mmeeme; ebirowoozo eby'emitima emingi bityoke bibikkulwe.

- 36 Awo waaliwo Ana, nnabbi omukazi, omuwala wa Fanweri, ow'omu kika kya Aseri (yali Yaakamala emyaka mingi, yabeera ne bba emyaka musanvu okuva mu buto bwe,
- 37 naye yali nnamwandu nga yaakamala emyaka kinaana mu ena), ataavanga mu Yeekaalu, ng'asinza n'okusiibanga n'okwegayiriranga ekiro n'emisana.
- 38 Oyo bwe yajja mu kiseera ekyo ne yeebaza Katonda, n'abuulira ebigambo bye eri bonna abaali balindirira okununulibwa kwa Yerusaalemi.
- 39 Awo bwe baamala okutuukiriza byonna ebiri mu mateeka ga Mukama, ne baddayo e Ggaliraaya mu kibuga ky'ewaabwe Nazaaleesi.
- 40 Awo omwana n'akula, n'ayongerwako amaanyi, n'ajjuzibwa amagezi: ekisa kya Katonda ne kibanga ku ye.
- 41 Awo bakadde be baagendanga e Yerusaalemi buli mwaka ku mbaga ey'Okuyitako.
- 42 Awo bwe yali Yaakamala emyaka kkumi n'ebiri, ne bayambuka nga bw'eri empisa y'embaga:
- 43 awo bwe baatuusa ennaku zaabwe, baali nga baddayo, omwana oyo yesu n'asigala mu Yerusaalemi, ne bakadde be ne batamanya;
- 44 naye bwe baalowooza ng'ali mu kisinde kyabwe, ne batambula olugendo lwa lunaku lumu, ne bamunoonya mu baganda baabwe ne mu mikwano gyabwe:
- 45 bwe bataamulaba ne baddayo e Yerusaalemi, nga bamunoonya.
- 46 Awo olwatuuka bwe waayitawo ennaku ssatu ne bamusanga mu yeekaalu, ng'atudde wakati mu bayigiriza, ng'abawuliriza, ng'ababuza
- 47 bonna abamuwulira ne bawunikirira olw'amagezi ge n'okuddamu kwe.
- 48 Awo bwe baamulaba ne basamaalirira: nnyina n'amugamba nti Mwana wange, kiki ekitukozezza ggwe bw'otyo? laba, kitaawo nange twakunoonya nga tunakuwadde.
- 49 N'abagamba nti Mwannoonyeza ki? Temwamanya nga kiwanidde okubeera mu bigambo bya Kitange?
- 50 Ne batategeera kigambo ekyo kye yabagamba.
- 51 N'aserengeta nabo n'ajja e Nazaaleesi, n'abagonderanga: nnyina ne yeekuumanga ebigambo ebyo byonna mu mutima gwe.
- 52 Awo Yesu ne yeeyongerangako amagezi n'okukula, ne mu kisa eri Katonda n'eri abantu.

Essuula 3

- 1 Awo mu mwaka ogw'ekkumi n'etaano ku mireembe gya Tiberiyo Kayisaali, Pontiyo Piraato bwe yali nga ye wessaza ly'e Buyudaaya, ne Kerode bwe yali nga y'afuga e Ggaliraaya, ne Firipo muganda we bwe yali nga y'afuga Ituliya n'ensi ey'e Tirakoniti, ne Lusaniya bwe yali nga y'afuga Abireene;
- 2 ne Ana ne Kayaafa bwe baali nga be bakabona abasinga obukulu, ekigambo kya Katonda ne kijjira Yokaana omwana wa Zaakaliya, mu ddungu.
- 3 N'ajja mu nsi yonna eriraanye Yoludaani, ng'abuulira okubatizibwa okw'okwenenya olw'okuggibwako ebibi;
- 4 nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo eky'ebigambo bya nnabbi Isaaya nti Eddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu nti Mulongoose oluguudo lwa Mukama, Mulu-amyeye amakubo ge.
- 5 Na buli lusozi n'akasozi biriterezebwa: N'ekikyamyeye kirigololwa, N'amakubo agatali masende galiterezebwa;
- 6 N'abalina omubiri bonna baliraba obulokozi bwa Katonda.
- 7 Awo n'agamba ebibiina ebyafulumanga okubatizibwa ye nti Mmwe abaana b'emisota, ani eyabalabula okudduka obusungu obugenda okujja?
- 8 Kale mubale ebibala ebisaanira okwenenya, so temusooka kwogera munda zammwe

nti Tulina jjajjaffe ye Ibulayimu: kubanga mbagamba nti Katonda ayinza amayinja gano okugafuuliranga Ibulayimu abaana.

- 9 Ne kaakano embazzi eteekeddwa ku kikolo ky'emitu; kale buli muti ogutabala bibala birungi gutemebwa, gusuulibwa mu muliro.
- 10 Ebibiina ne bamubuuza nga bagamba nti Kale tukole ki?
- 11 N'addamu n'abagamba nti Alina ekkanzu ebbiri, amuweeko emu atalina, n'alina emmere akole bw'atyo.
- 12 N'abawooza ne bajja okubatizibwa, ne bamugamba nti Omuyigiriza tukole ki?
- 13 N'abagamba nti Temusoloozanga kusukkiriza okusinga bwe mwalagirwa.
- 14 Era basserikale ne bamubuuza, nga bagamba nti Naffe tukole ki? n'abagamba nti Temujooganga muntu so temukakanga; era empeera yammwe ebamalenga.
- 15 Awo abantu bwe baali nga basuubira, era bonna nga balowooza ebigambo bya Yokaana mu mitima gyabwe oba nga mpozzi ye Kristo;
- 16 Yokaana n'addamu n'agamba bonna nti Mazima nze mabatiza n'amazzi; naye ajja y'ansinga amaanyi, so nange sisanira kusumulula lukoba lwa ngatto ze: ye alibatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro:
- 17 olugali lwe luli mu mukono gwe, okulongoosa ennyo egguuliro lye, n'okukuaanyiza eaano mu gwanika lye; naye ebisusunku alibyokya n'omuliro ogutazikira.
- 18 Era n'ababuulirira ebirala bingi ng'abuulira abantu ebigambo ebirungi;
- 19 naye Kerode owessaza, bwe yamunanya olwa Kerodiya muka muganda we, n'olw'ebigambo ebibi byonna Kerode bye yakola,
- 20 ate ku ebyo byonna n'ayongerako kino, n'akwata Yokaana n'amussa mu kkomera.
- 21 Awo olwatuuka, abantu bonna bwe baali nga babatizibwa, ne Yesu bwe yamala okubatizibwa, bwe yasaba, eggulu ne libikkuka.
- 22 Omwoyo Omutukuvu n'akka ku ye mu kifaananyi eky'omubiri ng'ejjiba, n'eddoboozi ne lifuluma mu ggulu nti Ggwe mwana wange omwagalwa; nkusanyukira nnyo.
- 23 Era Yesu yennyini, bwe yasooka okuyigiriza, yali yaakamala emyaka ng'amakumi asatu nga ye mwana (nga bwe yalowoozebwa) owa Yusufu, mwana wa Eri,
- 24 mwana wa Mattati, mwana wa Leevi, mwana wa Mereki, mwana wa Yanayi, mwana wa Yusufu,
- 25 mwana wa Mattasiya, mwana wa Amosi, mwana wa Nakkumu, mwana wa Esuli, mwana wa Naggayi,
- 26 mwana wa Maasi, mwana wa Mattasiya mwana wa Semeyini, mwana wa Yoseki, mwana wa Yoda,
- 27 mwana wa Yokanaani, mwana wa Lesa, mwana wa Zerubbaberi, mwana wa Seyalutiyeeri, mwana wa Neeri,
- 28 mwana wa Mereki, mwana wa Addi, mwana wa Kosamu, mwana wa Erumadamu, mwana wa Eri,
- 29 mwana wa Yesu, mwana wa Eryeza, mwana wa Yolimu, mwana wa Mattati, mwana wa Leevi,
- 30 mwana wa Simyoni, mwana wa Yuda, mwana wa Yusufu, mwana wa Yoaamu, mwana wa Eriyakimu,
- 31 mwana wa Mereya, mwana wa Menna, mwana wa Mattasa, mwana wa Nasani, mwana wa Dawudi,
- 32 mwana wa Yese, mwana wa Obedi, mwana wa Bowaazi, mwana wa Salumooni, mwana wa Nakusoni,
- 33 mwana wa Amminadaabu, mwana wa Aluni, mwana wa Kezulooni, mwana wa Pereezi, mwana wa Yuda,
- 34 mwana wa Yakobo, mwana wa Isaaka, mwana wa Ibulayimu, mwana wa Teera, mwana wa Nakoli,

- 35 mwana wa Serugi, mwana wa Lewu, mwana wa Peregi, mwana wa Eberi, mwana wa Sera,
- 36 mwana wa Kayinaani, mwana wa Alupakusaadi, mwana wa Seemu, mwana wa Nuuwa, mwana wa Lameki;
- 37 mwana wa Mesuseera, mwana wa Enoki, mwana wa Yaledi, mwana wa Makalaleeri, mwana wa Kayinaani,
- 38 mwana wa Enosi, mwana wa Seezi, mwana wa Adamu, mwana wa Katonda.

Essuula 4

- 1 Awo Yesu bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu n'akomawo ng'ava ku Yoludaani, Omwoyo n'amutwala mu ddungu,
- 2 n'amalayo ennaku amakumi ana, ng'akemebwa Setaani. So teyalanga kintu mu nnaku ezo; awo bwe zaggwawo, enjala n'emuluma.
- 3 Setaani n'amugamba nti Oba oli Mwana wa Katonda, gamba ejjinja lino lifuuke emmere.
- 4 Yesu n'amuddamu nti Kyawandiikibwa nti Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka.
- 5 N'amulinnyisa; n'amulaga obwakabaka bwonna obw'omu nsi mu kaseera katono.
- 6 Setaani n'amugamba nti Nnaakuwa ggwe obuyinza buno bwonna, n'ekitiibwa kyamu; kubanga nnaweebwa nze: era ngabira buli gwe njagala.
- 7 Kale bw'onoosinza mu maaso gange, buno bwonna bunaaba bubwo.
- 8 Yesu n'addamu n'amugamba nti Kyawandiikibwa nti Osinzanga Mukama Katonda wo, gw'oweerezanga yekka.
- 9 N'amutwala e Yerusaalemi, n'amuteeka ku kitikiro kya yeekaalu, n'amugamba nti Oba oli Mwana wa Katonda, yima wano, weesuule wansi;
- 10 kubanga kyawandiikibwa nti Alikulagiririza bamalayika be bakukuumire ddala;
- 11 Era nti Balikuwanirira mu mikono gyabwe, Oleme okwesittala ekigere kyo ku jjinja.
- 12 Yesu n'addamu n'amugamba nti Kyayogerwa nti Tokemanga Mukama Katonda wo.
- 13 Setaani bwe yamala buli kikemo n'amulekako ekiseera.
- 14 Awo Yesu n'akomawo e Ggaliraaya mu maanyi ag'Omwoyo: ettutumu lye ne ligenda nga libuna mu nsi zonna eziriraanyeewo.
- 15 N'ayigirizanga mu makuaaniro gaabwe bonna nga bamutendereza.
- 16 N'ajja e Nazaaleesi gye yakulira; ku lunaku olwa ssabbiiti n'ayingira mu kkuaaniro nga bwe yali empisa ye, n'ayimirira okusoma.
- 17 Ne bamuwa ekitabo kya nnabbi Isaaya, n'abikkula ekitabo, n'alaba ekitundu awaawandiikibwa nti
- 18 Omwoyo gwa Mukama guli ku nze, Kubanga yanfukako amafuta okubuulira abavu ebigambo ebirungi: Antumye okutendera abanyage okuteebwa, N'okuzibula abazibe b'amaaso, Okubata ababetentebwa,
- 19 Okutendera omwaka gwa Mukama ogwakkirizibwa.
- 20 N'abikkako ekitabo, n'akiddiza omuweereza n'atuula; abantu bonna abaali mu kkuaaniro ne bamusimbako amaaso.
- 21 N'atanula okubagamba nti Leero ebyawandiikibwa bino bituukiridde mu matu gammwe:
- 22 Bonna ne bamutegereza, ne beewuunya olw'ebigambo eby'ekisa ebivudde mu kamwa ke: ne bagamba nti Ono si ye Mwana wa Yusufu?
- 23 N'abagamba nti Temulirema kuamba lugero luno nti Omusawo, weewonye wekka: byonna bye twawulira nga bikolerwa e Kaperunawumu, bikolere na wano mu kyalo kyannyo.

- 24 N'agamba nti Mazima mbagamba nti Tewali nnabbi akkirizibwa mu kyalo kyabo.
- 25 Naye mazima mbagamba nti Waaliwo bannamwandu bangi mu Isiraeri mu biro bya Eriya, eggulu lwe lyaggalirwa emyaka esatu mu emyezi mukaaga, enjala nnyingi bwe yagwa ku nsi yonna;
- 26 Eriya teyatumbwa eri omu ku bo wabula e Zalefasi, mu nsi ya Sidoni, eri omukazi nnamwandu.
- 27 Era waaliwo abantu bangi abagenge mu Isiraeri mu biro bya Erisa nnabbi; tewali n'omu ku bo eyalongoosebwa, wabula Naamani yekka Omusuuli.
- 28 Ne bajjula obusungu bonna abaali mu kkuaaniro bwe baawulira ebigambo ebyo;
- 29 ne bayimuka, ne bamusindikira ebweru w'ekibuga ne bamutwala ku bbanga ly'olusozi lwe baakubako ekibuga kyabwe, bamusuule wansi.
- 30 Naye n'abayitamu wakati n'agenda.
- 31 N'aserengeta e Kaperunawumu, ekibuga eky'e Ggaliraaya: n'abayigirizanga ku lunaku olwa ssabbiiti:
- 32 ne bawuniikirira olw'okuyigiriza kwe, kubanga ekigambo kye kyalina obuyinza.
- 33 Awo mu kkuaaniro mwalimu omuntu eyaliko dayimooni; n'akaaba n'eddoboozi ddene
- 34 nti Woowe, Otuvunaana ki ggwe, Yesu Omunazaaleesi? Ozze kutuzikiriza? Nkumanyi ggwe bw'oli, Omutukuvu wa Katonda.
- 35 Yesu n'amuboggolera ng'agamba nti Sirika, muveeko. Dayimooni bwe yamusuula wakati n'amuvaako nga tamukoze kabi.
- 36 Okuwuniikirira ne kubakwata bonna ne beebuuzaganya bokka na bokka nga bagamba nti Kigambo ki kino? kubanga alagira n'obuyinza n'amaanyi badayimooni ne bavaako.
- 37 Ettutumu lye ne lyatiikirira mu buli kifo eky'ensi eriraanyeeowo.
- 38 N'ayimuka n'ava mu kkuaaniro n'ayingira mu nnyumba ya Simooni. Awo nnyina mukazi wa Simooni yali ng'akwatiddwa omusujja mungi, ne bamwegayirira ku lulwe.
- 39 N'ayimirira w'ali, n'aboggolera omusujja; ne gumuwonako amangu ago n'agolokoka n'abaweereza.
- 40 Awo enjuba bwe yali ng'egwa, bonna abaalina abalwadde ab'endwadde ezitali zimu ne babamuleetera, buli omu ku abo n'amussaako emikono gye, n'abawonya.
- 41 Ne badayimooni ne babavaako bangi, ne bakaaba nga bagamba nti Ggwe oli Mwana wa Katonda: N'ababoggolera, n'atabaganya kwogera, kubanga baamanya nga Ye Kristo:
- 42 Awo obudde bwe bwakya, n'avaayo n'agenda mu kifo etali bantu: ebibiina ne bimunoonya ne bajja w'ali, ne baagala okumugaana aleme okubavaako.
- 43 Naye n'abagamba nti Kiwanidde okubuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda ne mu bibuga ebirala; kubanga kye kyantumya.
- 44 Awo nabuuliranga mu makuaaniro g'e Ggaliraaya.

Essuula 5

- 1 Awo olwatuuka ebibiina bwe byamunyigiriza ne bawulira ekigambo kya Katonda, ye yali ng'ayimiridde ku nnyanja y'e Genesaleeti;
- 2 n'alaba amaato abiri nga gali ku nnyanja: naye abavubi baali bagavuddemu nga bay-oza emigonjo gyabwe.
- 3 N'asaabalako eryato erimu, eryali erya Simooni; n'amugamba okulisembezaayo katonu okuva ku ttale. N'atuula n'ayigiririza ebibiina mu lyato.
- 4 Bwe yali ng'amaze okwogera, n'agamba Simooni nti Sembera ebuziba, musuule emigonjo gammwe, muvube.

- 5 Simooni n'addamu n'agamba nti Omwami, twategaaye okukeesa obudde ne tutakwasa kintu: naye olw'ekigambo kyo nnaasuula emigonjo.
- 6 Awo bwe baakola bwe batyo, ne bakwasa ebyennyanya bingi nnyo nnyini; emigonjo gyabwe ne gyagala okukutuka;
- 7 ne bawenya bannaabwe mu lyato eddala, bajje babayambe. Ne bajja ne bajjuza amaato gombi, n'okukka ne gaagala okukka.
- 8 Naye Simooni Peetero, bwe yalaba, n'avuunama ku bigere bya Yesu, n'agamba nti Ndeka; kubanga ndi muntu alina ebibi, Mukama wange.
- 9 Kubanga yawuniikirira ne bonna abaali naye olw'ebyennyanya ebingi bye baakwasa;
- 10 ne Yakobo ne Yokaana nabo bwe batyo, abaana ba Zebbedaayo, abaali bassizza ekimu ne Simooni. Yesu n'agamba Simooni nti Totya: okusooka kaakano onoovubanga abantu.
- 11 Awo bwe baagobya amaato gaabwe ettale, ne baleka byonna, ne bagenda naye.
- 12 Awo olwatuuka bwe yali mu kibuga kimu mu ebyo, laba, waaliwo omuntu eyali ajjudde ebigenge; oyo bwe yalaba Yesu, n'avuunama amaaso ge n'amwegayirira, ng'agamba nti Mukama wange, bw'oyagala, oyinza okunnongoosa.
- 13 N'agolola omukono gwe n'amukomako ng'agamba nti Njagala, longooka. Amangu ago ebigenge bye ne bimuwonako.
- 14 Ye n'amukuutira obutabuulirako muntu; naye genda, weerage eri kabona, oweeyo eby'okulongooka kwo, nga Musa bwe yalagira, okuba omujulirwa gye bali.
- 15 Naye ebigambo bye ne byeyongera bweyongezi okubuna, ebibiina bingi ne bikuaana okuwulira n'okuwonyezebwa endwadde zaabwe.
- 16 Naye ye ne yeeyawula n'agenda mu malungu n'asaba.
- 17 Awo olwatuuka ku lunaku lumu mu ezo, yali ng'ayigiriza; n'Abafalisaayo n'abayigiriza b'amateeka baali batudde awo, abaali bavudde mu buli kibuga eky'e Ggaliraaya, n'e Buyudaaya n'e Yerusaalemi: n'amaanyi ga Mukama gaali naye okuwonya.
- 18 Laba, abantu ne baleetera omuntu ku kitanda eyali akoozimbye: ne basala amagezi okumuyingiza, n'okumuteeka mu maaso ge.
- 19 Bwe bataalaba wa kumuyingiriza olw'ekibiina, ne balinnya waggulu ku nju, ne bamuyisa mu matoffaali ne bamussiza ku kitanda kye wakati mu maaso ga Yesu.
- 20 Awo bwe yalaba okukkiriza kwabwe, n'agamba nti Omuntu, ebibi byo bikuggiddwako.
- 21 Abawandiisi n'Abafalisaayo ne batanula okuwakana, nga bagamba nti Ani ono ayogera eby'okuvvoola? Ani ayinza okuggyako ebibi, wabula Katonda yekka?
- 22 Naye Yesu bwe yategeera okuwakana kwabwe n'addamu n'abagamba nti Muwakana ki mu mitima gyammwe?
- 23 Ekyangu kiruwa, okugamba nti Ebibi byo bikuggiddwako; oba okugamba nti Golokoka, otambule?
- 24 Naye mutegeere nga Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi (n'agamba oyo eyali akoozimbye), Nkugamba nti Yimuka, ositule ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo.
- 25 Amangu ago n'ayimuka mu maaso gaabwe, n'asitula ekyo kye yali agalamiddeko, n'agenda ewuwe, ng'agulumiza Katonda.
- 26 Okuwuniikirira ne kubakwata bonna, ne bagulumiza Katonda; ne batya nnyo, nga bagamba nti Tulabye eby'ekitalo leero.
- 27 Awo oluvannyuma lw'ebyo n'avaayo n'alaba omuwooza erinnya lye Leevi, ng'atudde mu ggwoolezo, n'amugamba nti Yita nange.
- 28 N'aleka byonna, n'agolokoka, n'ayita naye.
- 29 Leevi n'amufumbira embaga nnene mu nnyumba ye: era waaliwo ekibiina kinene eky'abawooza n'eky'abalala abaali batudde nabo ku mmere.

- 30 Abafalisaayo n'abawandiisi baabwe ne beemulugunyiza abayigirizwa be, nga bagamba nti Kiki ekibaliisa n'okunywera awamu n'abawooza n'abantu abalina ebibi?
- 31 Yesu n'addamu n'abagamba nti Abalamu tebeetaaga musawo; wabula abalwadde.
- 32 Nze sajja kuyita batuukirivu wabula abantu abalina ebibi okwenenya.
- 33 Nabo ne bamugamba nti Abayigirizwa ba Yokaana basiiba emirundi mingi, era basaba; era n'ab'Abafalisaayo bwe batyo; naye ababo balya, banywa.
- 34 Yesu n'abagamba nti Kale muyinza okusiibya abaana b'obugole, awasizza omugole bw'aba ng'ali nabo?
- 35 Naye ennaku zirijja; awo awasizza omugole lw'alibaggibwako, ne balyoka basiiba mu nnaku ezo.
- 36 Era n'abagerera olugero nti Tewali muntu ayuza ku lugoye oluggya ekiwero n'akitunga mu lugoye olukadde; kuba bw'akola atyo, ekiggya kiyuza olukadde era n'ekiwero ky'ayuza ku luggya tekifaanana na lukadde.
- 37 So tewali muntu afuka omwenge omusu mu nsawo ez'amaliba enkadde; kubanga omwenge omusu gwabya ensawo ez'amaliba, ne guyiika, n'ensawo ez'amaliba zifaafaagana.
- 38 Naye kigwana omwenge omusu okugufuka mu nsawo ez'amaliba empya.
- 39 So tewali muntu anywedde ku mwenge omukulu ayagala omuto; kubanga agamba nti Omukulu gwe mulungi.

Essuula 6

- 1 Awo olwatuuka ku ssabbiiti bwe yali ayita mu nnimiro z'eaano; abayigirizwa be ne banoga ebirimba by'eaano, ne balya, nga bakunya mu ngalo zaabwe.
- 2 Naye Abafalisaayo abamu ne bagamba nti Kiki ekibakoza eky'omuzizo okukolera ku ssabbiiti?
- 3 Yesu n'abaddamu n'agamba nti Era kino temukisomangako, Dawudi kye yakola, bwe yalumwa enjala ye ne be yali nabo;
- 4 bwe yayingira mu nnyumba ya Katonda, natoola emigaati egy'okulaga n'alya, era n'agiwa be yali nabo; egy'omuzizo okulya wabula bakabona bokka?
- 5 N'abagamba nti Omwana w'omuntu ye mukama wa ssabbiiti.
- 6 Awo olwatuuka ku ssabbiiti endala, n'ayingira mu kkuaaniri n'ayigiriza; mwalimu omuntu omukono gwe ogwa ddyo gwali gukaze.
- 7 Awo abawandiisi n'Abafalisaayo ne bamulabirira, oba ng'anaawonyeza ku ssabbiiti, balyoke balabe bwe banaamuloopa.
- 8 Naye n'amanya ebirowoozo byabwe, n'agamba omuntu eyalina omukono ogukaze nti Golokoka, oyimirire wakati. N'agolokoka n'ayimirira.
- 9 Awo Yesu n'abagamba nti Mbabuuza mmwe, Kirungi ku ssabbiiti okukola obulungi, oba kukola bubu, kuwonya bulamu oba kubuzikiriza?
- 10 N'abeetoolooza amaaso bonna, n'amugamba nti Golola omukono gwo. N'akola bw'atyo; omukono gwe ne guwona.
- 11 Naye ne balaluka, ne boogera bokka na bokka bwe banaakola Yesu.
- 12 Awo olwatuuka mu nnaku ezo, n'avaayo n'agenda ku lusozi okusaba; n'akeesa obudde ng'asaba Katonda.
- 13 Awo obudde bwe bwakya, n'ayita abayigirizwa be; mu bo n'alondamu kkumi na babiri, n'okuyita n'abayita abatume;
- 14 Simooni era gwe yatuuma Peetero, ne Andereya muganda we, ne Yakobo ne Yokaana, ne Firipo ne Battolomaayo,
- 15 ne Matayo ne Tomasi, ne Yakobo, omwana wa Alufaayo, ne Simooni eyayitibwa Zerote,

- 16 ne Yuda muganda wa Yakobo, ne Yuda Isukalyoti eyamulyamu olukwe;
- 17 n'akka nabo, n'ayimirira awatereevu, n'ekibiina kinene eky'abayigirizwa be n'abantu bangi abaava e Buyudaaya yonna n'e Yerusalemi, n'abaava ku ttale ly'ennyanja ey'e Ttuulo n'e Sidoni, abajja okumuwulira n'okuwonyezebwa endwadde zaabwe;
- 18 n'abaali babonyaabonyezebwa dayimooni ne bawonyezebwa.
- 19 N'ekibiina kyonna ne kisala amagezi okumukomako obukomi: kubanga amaanyi gaavanga mu ye ne gabawonya bonna.
- 20 N'ayimusiza amaaso abayigirizwa be n'agamba nti Mulina omukisa abaavu; kubanga obwakabaka bwa Katonda bwe bwammwe.
- 21 Mulina omukisa abalumwa enjala kaakano; kubanga mulikkusibwa. Mulina omukisa, abakaaba kaakano; kubanga muliseka.
- 22 Mulina omukisa, abantu bwe babakyawanga, bwe babeewalanga, bwe babavumanga, bwe bagadyanga erinnya lyammwe nga bbi, okubavunaanya Omwana w'omuntu.
- 23 Musanyukanga ku lunaku olwo, mubuukanga olw'essanyu: kubanga, laba, empeera yammwe nnyingi mu ggulu: kubanga bajjajjaabwe bwe baakolanga bannabbi bwe batyo.
- 24 Naye zibasanze mmwe abagagga! kubanga mumaze okuba n'essanyu lyammwe.
- 25 Zibasanze mmwe abakkuse kaakano! kubanga mulirumwa enjala. Zibasanze mmwe abaseka kaakano! kubanga mulinakuwala, mulikaaba.
- 26 Zibasanze, abantu bonna bwe balibasiima! kubanga bwe batyo bajjajjaabwe bwe baakolanga bannabbi ab'obulimba.
- 27 Naye mbagamba mmwe abawulira nti Mwagalenga abalabe bammwe, mukolenga bulungi ababakyawa,
- 28 musabirenga omukisa ababakolimira, musabirenga ababagirira ekyejo.
- 29 Oyo akukubanga oluba omukyusizanga n'olw'okubiri; n'akuggyangako omunagirowo, n'ekkanzu togimugaananga.
- 30 Buli akusabanga omuwanga; n'oyo akuggyangako ebintu byo tobimusabanga nate.
- 31 Era nga bwe mwagala abantu okubakolanga, nammwe mubakolenga bwe mutyo.
- 32 Kale bwe mwagala abo ababaagala mmwe, mwebazibwa ki? kubanga n'abantu abalina ebibi baagala abo ababaagala.
- 33 Era bwe mukola obulungi ababakola obulungi mmwe, mwebazibwa ki? kubanga n'abantu abalina ebibi bakola bwe batyo.
- 34 Era bwe mubaazika abo be musuubira okubawa, mwebazibwa ki? n'abantu abalina ebibi baazika abalina ebibi, era baweebwe bwe batyo.
- 35 Naye mwagalenga abalabe bammwe mubakolenga bulungi, mwazikenga so temulekangayo kusuubira; n'empeera yammwe eriba nnyingi, nammwe muliba baana b'Oyo Ali waggulu ennyo: kubanga ye mulungi eri abateebaza n'ababi.
- 36 Mube n'ekisa, nga Kitammwe bw'alina ekisa.
- 37 Era temusalanga musango, nammwe temulisalirwa: era temusinzanga musango, nammwe temulisinzibwa musango: musonyiwenga, nammwe mulisonyiyibwa:
- 38 mugabenga, nammwe muligabirwa; ekigera ekirungi, ekikkatiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika, kye balibaweera mu kifuba. Kubanga ekigera ekyo kye mugera, nammwe kye muligererwa.
- 39 Era n'abagamba n'olugero, nti Omuzibe w'amaaso ayinza okukulembera muzibe munne? tebagwa bombi mu bunnya?
- 40 Omuyigirizwa tasinga amuyigiriza: naye buli muntu bw'alituukirizibwa aliba ng'amuyigiriza.
- 41 Kiki ekikutunuuliza akantu akali ku liiso lya muganda wo, so tolowooza nialiiri eri ku liiso lyo ggwe?
- 42 Oba oyinza otya okugamba muganda wo nti Muganda wange, ndeka nkuggyeko

akantu akali ku liiso lyo, so nga tolaba njaliiro eri ku liiso lyo ggwe? Munnanfuusi ggwe, sooka oggyeko enjaliiro ku liiso lyo ggwe; olyoke olabe bulungi okuggyako akantu akali ku liiso lya muganda wo.

- 43 Kubanga tewali muti mulungi ogubala ebibala ebibi, newakubadde omuti omubi ogubala ebibala ebirungi.
- 44 Kubanga buli muti gutegeererwa ku bibala byagwo. Kubanga tebanoga ttiini ku busaana, so tebanoga zabbibu ku mwera nannyo.
- 45 Omuntu omulungi ekirungi akiggya mu tterekero eddungi ery'omutima gwe; n'omubi ekibi akiggya mu tterekero ebibi: kubanga ku ebyo ebijjula mu mutima akamwa ke bye koogera.
- 46 Era mumpitira ki Mukama wammwe, Mukama wammwe, so nga temukola bigambo bye njogera?
- 47 Buli muntu yenna ajja gye ndi n'awulira ebigambo byange n'abikola, nnaabalaga gw'afaanana:
- 48 afaanana ng'omuntu azimba ennyumba n'asima wansi nnyo, omusingi n'agussa mu lwazi; awo amazzi bwe gayanjaala, omugga ne gukulukutira ku nnyumba eyo lwa maanyi okugisuula, n'okuyinza ne gutayinza na kuginyeenya: kubanga yazimbibwa bulungi.
- 49 Naye oyo awulira n'atakola afaanana ng'omuntu eyazimba ennyumba ku ttaka n'atasima musingi; awo omugga ne gugikulukutirako lwa maanyi n'ewa amangu ago, n'okugwa kw'ennyumba eyo ne kuba kunene.

Essuula 7

- 1 Awo bwe yamala okwogerera ebigambo bye byonna mu bantu, n'ayingira e Kape-runawumu.
- 2 Awo waaliwo omwami w'ekitongole omuddu we gwe yali ayagala ennyo yali ng'alwadde ng'agenda kufa.
- 3 N'oyo bwe yawulira ebigambo bya Yesu n'atuma bakadde b'Abayudaaya gy'ali ng'amusaba okujja okulokola omuddu we.
- 4 Nabo bwe bajja eri Yesu, ne bamwegayirira nnyo, ne bagamba nti Asaanidde ggwe okumukolera ekyo;
- 5 kubanga ayagala eggwanga lyaffe, n'ekkuaaniro ye yalituzimbira.
- 6 Awo Yesu n'agenda nabo. Awo bwe yali nga tali wala n'ennyumba, omwami oyo n'atuma mikwano gye gy'ali, ng'amugamba nti Ssebo, teweteganya kujja, kubanga nze sisaanira ggwe kuyingira wansi wa kasolya kange:
- 7 era kyenvudde nnema okwesaanyiza nzekka okujja gy'oli, naye yogera kigambo bugambo, n'omwana wange anaawona.
- 8 Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nga nnina basserikale be ntuala: bwe amba omu nti Genda, agenda, n'omulala nti Jjangu, ajja, n'omuddu wange nti Kola kino, akola.
- 9 Yesu bwe yawulira ebyo n'amwewuunya n'akyukira ebibiina ebyali bimugoberera n'agamba nti Mbagamba nti Sirabanga kukkiriza kunene nga kuno newakubadde mu Isiraeri.
- 10 Awo abantu abaatumibwa bwe baakomawo mu nnyumba, ne basanga omuddu ng'awonye.
- 11 Awo olwatuuka bwe waayitawo ebbanga ttono n'agenda mu kibuga ekiyitibwa Nayini; abayigirizwa be n'ekibiina kinene ne bagenda naye.
- 12 Awo bwe yasembera ku wankaaki w'ekibuga, laba, omulambo nga gufulumizibwa ebweru, gwa mwana nnyina gwe yazaala omu, ne nnyina oyo nga nnamwandu;

n'abantu bangi ab'omu kibuga omwo nga bali naye.

- 13 Awo Mukama waffe bwe yamulaba n'amusaasira, n'amugamba nti Tokaaba.
- 14 N'asembera n'akoma ku lunnyo: bali abaali beetsisse ne bayimirira. N'agamba nti Omulenzi, nkugamba nti Golokoka.
- 15 Oyo eyali afudde n'agolokoka, n'atuula n'atanula okwogera. N'amuwa nnyina.
- 16 Obuti ne bubakwata bonna, ne bagulumiza Katonda; nga bagamba nti Nnabbi omukulu ayimukidde mu ffe: era Katonda akyalidde abantu be.
- 17 N'ekigambo kye ekyo ne kibuna mu Buyudaaya bwonna ne mu nsi yonna eriraany-eewo.
- 18 Awo abayigirizwa ba Yokaana ne bamubuulira ebigambo ebyo byonna.
- 19 Yokaana n'ayita abayigirizwa be babiri n'abatuma eri Mukama waffe; ng'agamba nti Ggwe wuuyo ajja, nantiki tulindirire mulala?
- 20 Awo abantu abo bwe baatuuka gy'ali, ne bagamba nti Yokaana Omubatiza atutumye gy'oli ng'agamba nti Ggwe wuuyo ajja, nantiki tulindirire mulala?
- 21 Awo mu kiseera ekyo n'awonya bangi endwadde n'okubonaabona ne dayimooni, n'abazibe b'amaaso bangi n'abawa okulaba.
- 22 Yesu n'addamu n'abagamba nti Mugende, mubuulire Yokaana ebyo bye mulabye, ne bye muwulidde; abazibe b'amaaso balaba, abalema batambula, abagenge balon-goosebwa, abaggavu b'amatu bawulira, abafu bazuukira, abaavu babuulirwa enjiri.
- 23 Era alina omukisa oyo atalinneesittalako.
- 24 Awo ababaka ba Yokaana bwe baamala okugenda n'atanula okwogera n'ebibiina ebya Yokaana nti Kiki kye mwagenderera mu ddungu okulaba? olumuli olunyeenzezebwa n'empewo?
- 25 Naye kiki kye mwagenderera okulaba? Omuntu ayambadde engoye ezinekaaneka? Laba, abambala engoye ez'obuyonjo, abalya emmere ennungi, baba mu mpya za bakabaka.
- 26 Naye kiki kye mwagenderera okulaba? Nnabbi? Weewaawo, mbagamba, era asingira ddala nnabbi.
- 27 Oyo ye yawandiikibwako nti Laba, nze ntuma omubaka wange mu maaso go, Alirongoosa oluguudo lwo gy'ogenda.
- 28 Mbagamba nti Mu abo abazaalibwa abakazi, temuli asinga Yokaana obukulu: naye omuto mu bwakabaka bwa Katonda ye mukulu okusinga ye.
- 29 N'abantu bonna bwe baawulira n'abawooza ne bakkiriza Katonda okuba omutuukirivu abaabatizibwa mu kubatiza kwa Yokaana.
- 30 Naye Abafalisaayo n'abayigiriza b'amateeka ne beegaanira okuteesa kwa Katonda kubanga tebaabatizibwa ye.
- 31 Kale abantu b'emirembe gino naabafaananya ki? era balinga ki?
- 32 Balinga abaana abatuula mu katale, nga bayitaana; abagamba nti Tubafuuyidde emirere ne mutazina; tukubye ebiwoobe, ne mutakaaba maziga.
- 33 Kubanga Yokaana Omubatiza yajja nga talya mmere so nga tanywa mwenge; ne mugamba nti Aliko dayimooni.
- 34 Omwana w'omuntu yajja ng'alya ng'anywa, ne mugamba nti Laba, omuntu omuluvu, omutamiivu, mukwano gw'abawooza era ogw'abalina ebibi.
- 35 Era amagezi gaweewwa obutuukirivu olw'abaana baago bonna.
- 36 Awo Omufalisaayo omu n'amuyita okulya naye. N'ayingira mu nnyumba ey'Omufalisaayo oyo n'atuula ku mmere.
- 37 Kale, laba, omukazi eyali mu kibuga omwo, eyalina ebibi, bwe yamanya ng'atudde ku mmere mu nnyumba ey'Omufalisaayo, n'aleeta eccupa ey'amafuta ag'omugavu,
- 38 n'ayimirira emirannamiro ku bigere bye ng'akaaba, n'atanula okumutonnyeza amaziga ku bigere bye n'abisangula n'enviiri ez'oku mutwe gwe, n'anywegera ebigerere

bye n'abisiiga amafuta ago.

- 39 Awo Omufalisaayo eyamuyita bwe yalaba, n'ayogera munda mu ye nti Omuntu ono, singa abadde nnabbi, yanditegedde omukazi amukwatako bw'ali, era bw'afaanana, ng'alina ebibi.
- 40 Yesu n'addamu n'amugamba nti Simooni, ndiko kye njagala okukubuulira. N'agamba nti Omuyigiriza, yogera.
- 41 Waliwo omuntu eyawolanga, naye yalina b'abanja babiri; omu ng'abanjibwa eddinaali bitaano, n'omulala ataano.
- 42 Awo bwe baali nga tebalina kya kumusasula n'abasonyiwa bombi. Kale ku abo alisinga okumwagala aluwa?
- 43 Simooni n'addamu n'agamba nti Ndwooza oyo gwe yasinga okusonyiwa ennyingi: N'amugamba nti Osaze bulungi.
- 44 N'akyukira omukazi oyo, n'agamba Simooni nti Olaba omukazi ono? Nnyingidde mu nnyumba yo, n'otompa mazzi ga bigere byange: naye ono atonnyezza amaziga ge ku bigere byange, n'abisiimuza enviiri ze.
- 45 Tonnywegedde ggwe: naye ono we nnaakayingirira tannalekayo kunywegera bigere byange.
- 46 Tonsiize mafuta ku mutwe gwange: naye ono ansiize amafuta ag'omugavu ku bigere byange.
- 47 Kyenya nkugamba nti Asonyiiddwa ebibi bye ebingi kubanga okwagala kwe kungi; naye asonyibwa akatono, okwagala kwe kutono.
- 48 N'amugamba nti Osonyiiddwa ebibi byo.
- 49 Awo abaali batudde ku mmere naye ne batanula okwogera bokka na bokka nti Ono y'ani asonyiwa n'ebibi?
- 50 N'agamba omukazi nti Okukkiriza kwo kukulokodde; genda mirembe.

Essuula 8

- 1 Awo olwatuuka oluvannyumako katono n'atambula mu bibuga ne mu mbuga ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda, bali ekkumi n'ababiri nga bali naye,
- 2 n'abakazi abaawonyezebwako dayimooni n'endwadde, Malyamu eyayitibwa Magudaleene, eyavaako dayimooni omusanvu,
- 3 ne Yowaana, muka Kuza, omuwanika wa Kerode, ne Susaana, n'abalala bangi abaabaweerezanga n'ebintu bye baalina.
- 4 Awo ekibiina ekinene bwe kyakuaana n'abaavanga mu buli kibuga bwe bajja w'ali, n'agera olugero nti
- 5 Omusizi yafulumu okusiga ensigo ze; bwe yali ng'asiga, endala ne zigwa ku mabbali g'ekkubo; ne zirinnyirirwa, ennyonyi ez'o mu bbanga ne zizirya.
- 6 Endala ne zigwa ku lwazi; bwe zaamala okumera ne ziwotookerera; olw'obutaba na mazzi.
- 7 Endala ne zigwa wakati mu maggwa; amaggwa ne gamerera wamu nazo ne gazizisa.
- 8 Endala ne zigwa ku ttaka eddungi, ne zimera, ne zibalako emmere buli mpeke kikumi. Bwe yamala okwogera ebigambo ebyo, n'ayogerera waggulu nti Alina amatu ag'okuwulira awulire.
- 9 Awo abayigirizwa be ne bamubuuza nti Olugero olwo kiki?
- 10 N'agamba nti Mmwe muweereddwa okumanya ebyama eby'obwakabaka bwa Katonda: naye abalala mu ngero; era bwe balaba baleme okulaba, era bwe bawulira baleme okutegeera.
- 11 Era olugero lwe luno: Ensigo kye kigambo kya Katonda.
- 12 Bali ab'oku mabbali g'ekkubo be bawulira; awo Setaani n'ajja n'akwakkula ekigambo

- mu mitima gyabwe baleme okukkiriza n'okulokolebwa.
- 13** N'ab'oku lwazi be bawulira ekigambo ne bakikkiriza n'essanyu; kyokka tebalina mizizi, bakikkirizaako kaseera, era mu biro eby'okukemebwa baterebuka.
 - 14** N'ezo ezaagwa mu maggwa, abo be bawulira, awo bwe bagenda ne baziyizibwa n'okweraliikirira n'obugagga n'essanyu ery'omu bulamu buno ne batatuukiriza kukuza mmere.
 - 15** N'ezo ez'omu ttaka eddungi, abo be bawulira ekigambo mu mutima omugolokofu, omulungi, ne bakinyweza, ne babala emmere n'okugumiikiza.
 - 16** Era tewali akoleeza ttabaaza n'agisaanikirira mu kibbo, oba kugissa wansi w'ekiriri; naye agissa ku kikondo abayingiramu balabe bw'eyaka.
 - 17** Kubanga tewali kigambo ekyakisibwa ekitalirabisibwa; newakubadde ekyakwekebwa ekitalimanyibwa ne kirabika mu lwatu.
 - 18** Kale mwekuumenga bwe muwulira; kubanga buli alina, aliweebwa; era buli atalina n'ekyo ky'alowooza nti ali naky'o kirimuggibwako.
 - 19** Awo nnyina ne baganda be ne bajja gy'ali, ne batayinza kumutuukako olw'ekibiina.
 - 20** N'abuulirwa nti Nnyoko ne baganda bo bayimiridde ebweru baagala okukulaba.
 - 21** Naye n'addamu n'abagamba nti Mmange ne baganda bange be bano abawulira ekigambo kya Katonda ne bakikola.
 - 22** Awo olwatuuka ku lunaku lumu ku ezo n'asaabala mu lyato ye n'abayigirizwa be; n'abagamba nti Tuwunguke tugende emitala w'ennyanja; ne bagenda.
 - 23** Awo bwe baali nga baseeyeeya ne yeebaka otulo. Omuyaga mungi ne gukunta ku nnyanja; amazzi ne gaba nga gaagala okujjula, ne baba mu kabi.
 - 24** Ne bajja w'ali ne bamuzuukusa, nga bagamba nti Mukama waffe, Mukama waffe, tufa. N'azuukuka, n'aboggolera omuyaga n'okwefuukuula kw'amazzi; ne bikkakkana, n'eba nteefu.
 - 25** N'abagamba nti Okukkiriza kwamme kuli luuyi wa? Ne batya ne beewuunya, ne boogeragana bokka na bokka nti Kale ani ono, kubanga n'empewo n'amazzi abiragira ne bimuwulira?
 - 26** Awo ne bagoba ku nsi y'Abagerasene eyolekera e Ggaliraaya.
 - 27** Awo bwe yavaamu n'atuuka ku ttale, n'asanga omuntu ng'ava mu kibuga eyaliko dayimooni, nga yaakamala ennaku nnyingi nga tayambala lugoye ne mu nnyumba nga tatuulamu, naye ng'abeera mu ntaana.
 - 28** Bwe yalaba Yesu n'ayogerera waggulu n'avuunama mu maaso ge, n'ayogera n'eddo-boozi ddene nti Onvunaana ki, Yesu Omwana wa Katonda ali waggulu ennyo? Nkwegayiridde, tombonereza.
 - 29** Kubanga yalagira dayimooni okuva ku muntu oyo. Kubanga Yali Yaakamala ebiro bingi nga amukutte: yasibibwanga mu njegere ne mu masamba ng'akuumbwa; n'akutulanga ebyamusiba, dayimooni n'amugoberanga mu ddungu.
 - 30** Yesu n'amubuuza nti Erinnya lyo ggwe ani? N'agamba nti Liigyoni; kubanga dayimooni bangi abaamuyingiramu.
 - 31** Ne bamwegayirira aleme okubalagira okuvaako okugenda mu bunnya.
 - 32** Awo waaliwo eggana ly'embizzi nnyingi nga zirya ku lusozi, ne bamwegayirira abalagire baziyingiremu. N'abalagira.
 - 33** Awo badayimooni ne bava ku muntu ne bayingira mu mbizzi: eggana ne lifubutukira mu banga ne zigwa mu nnyanja ne zifa amazzi.
 - 34** Awo abasumba bwe baalaba ebibaddewo ne badduka ne babyogera mu kibuga ne mu byalo.
 - 35** Abantu ne bavaayo okulaba ebibaddewo; ne bajja eri Yesu ne balaba omuntu oyo eyavuddeko badayimooni ng'atudde awali ebigere bya Yesu, ng'ayambadde olugoye, ng'okutegeera kwe kumuzzeemu: ne batya:

- 36 N'abo abaalaba ne babuulira bwe yakoleddwa oyo eyali akwatiddwa badayimooni.
- 37 N'abantu bonna ab'ensi y'Abagerasene eriraanyeevo ne bamwegayirira ave gye bali, kubanga obuti bungi bwali bubakutte: awo n'asaabala mu lyato n'addayo.
- 38 Naye omuntu eyavaako badayimooni n'amwegayirira abeere naye; naye n'amusiibula ng'agamba nti
- 39 Ddayo mu nnyumba yo, onnyonnyole ebigambo Katonda by'akukolede bwe biri ebikulu. N'agenda ng'abuulira ekibuga kyonna bwe biri ebikulu Yesu bye yamukolera.
- 40 Awo Yesu bwe yakomawo, ekibiina ne kimwaniriza n'essanyu; kubanga bonna baali nga bamulindiridde.
- 41 Kale, laba, omuntu erinnya lye Yayiro omukulu w'ekkuaaniro n'ajja n'agwa awali ebigerere bya Yesu n'amwegayirira okuyingira mu nnyumba ye:
- 42 kubanga yalina muwala we eyazaalibwa omu nga yaakamala emyaka kkumi n'ebiri, era oyo yali ng'agenda kufa. Naye bwe yali ng'agenda ebibiina ne bimunyiiriza.
- 43 N'omukazi eyali alwalidde ekikulukuto ky'omusaayi emyaka kkumi n'ebiri, eyawanga abasawo ebintu bye byonna n'atayinza kuwonyezebwa muntu yenna,
- 44 oyo n'amufulumu emabega n'akoma ku lukugiro lw'olugoye lwe: amangu ago ekikulukuto kye ne kikalira.
- 45 Yesu n'agamba nti Ani ankomyeko? Awo bwe beegaana bonna, Peetero ne banne ne bagamba nti Mukama waffe, ebibiina bikwetoolodde bikunyiiriza.
- 46 Naye Yesu n'agamba nti Omuntu ankomyeko: kubanga mpulidde ng'amaanyi ganvudemu.
- 47 Awo omukazi oyo bwe yalaba nga takwekeddwa, n'ajja ng'akankana n'amufukaamirira n'amubuulira mu maaso g'abantu bonna ensonga bw'eri emukomezzaako, ne bw'awonye amangu ago.
- 48 N'amugamba nti Mwana wange, okukkiriza kwo kukuwonyezza; genda mirembe.
- 49 Awo yali akyayogera, ne wajja omuntu eyava mu nnyumba y'omukulu w'ekkuaaniro ng'agamba nti Muwala wo afudde; toteganya Muyiiriza.
- 50 Naye Yesu bwe yawulira n'amuddamu nti Totya: kkiriza bukkiriza, anaaba mulamu.
- 51 Awo bwe yatuuka ku nnyumba n'ataganya muntu mulala kuyingira naye wabula Peetero ne Yokaana ne Yakobo ne kitaawe w'omuwala ne nnyina.
- 52 Awo baali nga bakaaba bonna, nga bamulirira; ye n'agamba nti Temukaaba, kubanga tafudde, naye yeebase tulo.
- 53 Ne bamusekerera nnyo, kubanga baamanya ng'afudde.
- 54 Ye n'amukwata ku mukono n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Omuwala, golokoka.
- 55 Omwoyo gwe ne gukomawo n'ayimirira amangu ago. N'alagira okumuwa eky'okulya.
- 56 Abazadde be ne bawuniikirira; naye ye n'abakuutira baleme kubuulirako muntu ebibaddewo.

Essuula 9

- 1 N'abayitira wamu abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abawa amaanyi n'obuyinza ku badayimooni bonna n'okuwonya endwadde.
- 2 N'abatuma okubuulira obwakabaka bwa Katonda, n'okuwonya abalwadde.
- 3 N'abagamba nti Temutwala kintu kya mu kkubo, newakubadde omuggo, newakubadde olukoba, newakubadde emmere, newakubadde effeeza; so temuba na kkanzu bbiri.
- 4 Na buli nnyumba mwe muyingiranga, mubeerenga omwo, era mwe muba muvanga.
- 5 Era bonna abataabakkirizenga, bwe mubanga muva mu kibuga ekyo, enfuufu ey'omu bigere byammwe mugikunkumulenga ebe omujulirwa eri bo.

- 6 Awo ne bagenda ne beetooloola mu bibuga byonna nga babuulira enjiri, nga bawonya abantu mu buli kifo.
- 7 Awo kabaka Kerode owessaza n'awulira byonna ebyakolebwa; n'abuusabuusa nnyo kubanga abantu baagamba nti Yokaana azuukidde mu bafu;
- 8 abalala nti Eriya alabise; n'abalala nti Bannabbi ab'edda omu ku bo azuukidde.
- 9 Kerode n'agamba nti Yokaana nze nnamutemako omutwe: naye oyo ani gwe mpulirako ebigambo ebyenkana awo? N'ayagala okumulaba.
- 10 Awo abatume bwe baamala okukomawo, ne bamunyonnyola byonna bye baakola. N'abatwala ne yeeyawula n'agenda nabo kyama mu kibuga ekiyitibwa Besusayida.
- 11 Naye ebibiina bwe baategeera ne bamugoberera; n'abaaniriza, n'ayogera nabo ebigambo by'obwakabaka bwa Katonda, n'abaali beetaaga okuwonyezebwa n'abawonya.
- 12 Awo enjuba yali egolooba; abo ekkumi n'ababiri ne bajja w'ali ne bamugamba nti Siibula ekibiina bagende mu mbuga ne mu byalo eby'okumpi basule, banoonye eby'okulya; kubanga wano tuli mu ttale jjerere.
- 13 N'abagamba nti Mmwe mubawe eby'okulya. Ne bagamba nti Tetulina kintu wabula emigaati etaano n'ebyenyanja bibiri; kyokka tugende tubagulire eby'okulya abantu bano bonna.
- 14 Kubanga baali abasajja ng'enkumi ttaano. N'agamba abayigirizwa be nti Mubatuuze nnyiriri ng'ataano ataano.
- 15 Ne bakola bwe batyo, ne babatuza bonna.
- 16 N'addir emigaati etaano n'ebyenyanja ebibiri, n'ayimusa amaaso mu ggulu, n'abyebaza n'abimenyamu, n'awa abayigirizwa be okubissa mu maaso g'ekibiina.
- 17 Ne balya ne bakkuta bonna; ne bulondebwa obukunkumuka bwe baalemwa, ebibbo kkumi na bibiri.
- 18 Awo olwatuuka bwe yali ng'asaba yekka, abayigirizwa be baali naye wamu. N'ababuza ng'agamba nti Ebibiina bimpita ani?
- 19 Ne baddamu ne bagamba nti Yokaana Omubatiza; naye abalala nti Eriya; n'abalala nti Ku bannabbi ab'edda omu ku abo azuukidde.
- 20 N'abagamba nti Naye mmwe mumpita ani? Peetero n'addamu n'agamba nti Ggwe Kristo wa Katonda.
- 21 Naye n'abakuutira n'abalagira baleme okubuulirako omuntu ekigambo ekyo;
- 22 ng'agamba nti Kigwanira Omwana w'omuntu okubonyaabonyezebwa ebingi, n'okugaanibwa abakadde ne bakabona abakulu n'abawandiisi, n'okuttibwa, era ku lunaku olw'okusatu okuzuukizibwa.
- 23 N'abagamba bonna nti Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefirize yekka, yeetikkenga omusalaba gwe buli lunaku, angoberere.
- 24 Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; naye buli alibuza obulamu bwe ku lwange oyo alibulokola.
- 25 Kubanga kulimugasa ki omuntu okulya ensi yonna nga yeebuzizza oba nga yeetunze?
- 26 Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange, oyo n'Omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi, lw'alijjira mu kitiibwa kye ne mu kya Kitaawe ne mu kya bamalayika abatukuvu.
- 27 Naye mbagamba mazima nti Waliwo abayimiridde wano abatalirega ku kufa okutuusa lwe baliraba obwakabaka bwa Katonda.
- 28 Awo olwatuuka oluvannyuma lw'ebigambo ebyo nga wayiseewo ennaku munaana, n'atwala Peetero ne Yokaana ne Yakobo, n'alinyanya ku lusozi okusaba.
- 29 Awo bwe yali ng'asaba, ekifaananyi ky'amaaso ge ne kiba kirala, n'ekyambalo kye ne kiba kyeru nga kimasamasa.
- 30 Kale, laba, abantu babiri ne boogera naye, abo baali Musa ne Eriya;

- 31 abaalabika nga balina ekitiibwa, ne boogera ku kufa kwe kw'agenda okutuukiriza mu Yerusaalemi.
- 32 Awo Peetero ne be yali nabo baali bakwatiddwa otulo: naye bwe baatunula, ne balaba ekitiibwa kye n'abantu ababiri abayimiridde w'ali.
- 33 Awo olwatuuka bwe baali bagenda okwawukana naye, Peetero n'agamba Yesu nti Mukama wange, kirungi ffe okubeera wano; tukole ensiisira ssatu, emu yiyo, emu ya Musa, emu ya Eriya; nga tamanyi ky'ayogera.
- 34 Awo yali ng'akyayogera ebyo, ekire ne kijja ne kibasiikiriza: bwe baayingira mu kire ne batya.
- 35 Eddoboozi ne lifulumu mu kire ne ligamba nti Oyo ye Mwana wange gwe nneeroboza: mumuwulire ye.
- 36 N'eddoboozi eryo bwe lyajja, Yesu n'alabika yekka. Nabo ne basirika busirisi, ennaku ezo ne batabuulirako muntu kigambo na kimu ku ebyo bye baalaba.
- 37 Awo olwatuuka ku lunaku olw'okubiri bwe baava ku lusozi, ekibiina kinene ne kimu-sisinkana.
- 38 Era, laba, omuntu ow'omu kibiina n'ayogerera waggulu n'agamba nti Omuyigiriza, nkwegayirira okulaba ku mwana wange, kubanga nnamuzaala omu:
- 39 era, laba, dayimooni amukwata n'akaaba amangu ago; n'amutaagula n'okubimba n'abimba ejjovu, era amuvaako lwa mpaka, nga amumenyeemenye nnyo.
- 40 Nange nneegayiridde abayigirizwa bo okumugobako; ne batayinza.
- 41 Yesu n'addamu n'agamba nti Mmwe ab'emirembe egitakkiriza era egyakyama, nditusa wa okubeera nammwe n'okubagumiikiriza? leeta wano omwana wo.
- 42 Awo yali ng'akyajja, dayimooni n'amusuula n'amutaagula nnyo. Naye Yesu n'abog-golera dayimooni n'awonya omulenzi n'amuzza eri kitaawe.
- 43 Bonna ne bawuniikirira olw'obukulu bwa Katonda. Naye bonna bwe baali nga beewunya byonna bye yakola, n'agamba abayigirizwa be nti
- 44 Ebigambo ebyo mubisse mu matu gammwe: kubanga Omwana w'omuntu agenda okuweebwayo mu mikono gy'abantu.
- 45 Naye bo ne batategeera kigambo ekyo, era kyali kibakwekeddwa baleme okukitegeera : ne batya okumubuuza ekigambo ekyo bwe kiri.
- 46 Awo ne wabaawo okuwakana mu bo aliba omukulu mu bo bw'ali.
- 47 Naye Yesu bwe yalaba okuwakana mu mitima gyabwe, n'atwala omwana omuto, n'amussa ku lusegere lwe,
- 48 n'abagamba nti Buli anaasembezanga omwana omuto ono mu linnya lyange, ng'asem-bezza nze, na buli anaasembezanga nze, ng'asembezanga eyantuma: kubanga asinga obuto mu mmwe mwenna oyo ye mukulu.
- 49 Yokaana n'addamu n'agamba nti Mukama waffe, twalaba omuntu ng'agoba dayi-mooni mu linnya lyo: ne tumugaana, kubanga tayita naffe.
- 50 Naye Yesu n'amugamba nti Temumugaana; kubanga atali mulabe wammwe, ali ku lwammwe.
- 51 Awo olwatuuka ennaku ze ez'okutwalibwa waggulu bwe zaali zinaatera okutuuka, n'asimbira ddala amaaso ge okugenda e Yerusaalemi,
- 52 n'atuma ababaka mu maaso ge; ne bagenda ne bayingira mu mbuga y'Abasamaliya, okumutegekeru.
- 53 Ne batamusembeza kubanga amaaso ge gaali galaze kugenda Yerusaalemi.
- 54 Abayigirwa be Yakobo ne Yokaana bwe baalaba ne bagamba nti Mukama waffe, oyagala ndagire omuliro guve mu ggulu okubazikiriza, nga Eriya bwe yakola?
- 55 Naye n'akyuka n'abanenya n'ayogera nti Temumanyi omwoyo bwe guli gwe mulina. Kubanga Omwana w'omuntu teyajja kuzikiriza bulamu bwa bantu, wabula okubu-lokola.

- 56 Awo ne bagenda mu mbuga endala.
- 57 Awo bwe baali nga bagenda mu kkubo, omuntu n'amugamba nti Nnaakugobereranga w'onoogendanga wonna.
- 58 Yesu n'amugamba nti Ebibe birina obunnya, n'ennyonyi ez'omu bbanga zirina ebisu, naye Omwana w'omuntu talina w'assa mutwe gwe.
- 59 N'agamba omulala nti Ngoberera. Naye ye n'agamba nti Mukama wange, ndeka mmale okugenda okuziika kitange.
- 60 Naye n'amugamba nti Leka abafu baziike abafu baabwe, naye ggwe genda obuulire obwakabaka bwa Katonda.
- 61 N'omulala n'agamba nti Nnaakugobereranga, Mukama wange; naye sooka ondeke mmale okusiibula ab'omu nnyumba yange.
- 62 Naye Yesu n'amugamba nti Tewali muntu akwata ekyuma ekirima n'atunula ennyuma asaanira obwakabaka bwa Katonda.

Essuula 10

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo Mukama waffe n'alonda abalala nsanvu, n'abatuma kinnababirye mu maaso ge okugenda mu buli kibuga na buli kifo gy'agenda okujja ye.
- 2 N'abagamba nti Okukungula kwe kungi, naye abakunguzi be batono: kale musabe Mukama w'okukungula okutuma abakunguzi mu kukungula kwe.
- 3 Mugende: laba, mbatuma mmwe ng'abaana b'endiga wakati mu misege.
- 4 Temutwala nsawo, newakubadde olukoba, newakubadde engatto; so temulamusa muntu mu kkubo.
- 5 Na buli nnyumba gye muyingirangamu, musookenga okugamba nti Emirembe gibe mu nnyumba muno.
- 6 Oba nga mulimu omwana w'emirembe, emirembe gyammwe ginaabeeranga ku ye; naye oba nga si bwe kityo, ate ginaddanga gye muli.
- 7 Mubeerenga mu nnyumba omwo nga mulya nga munywa eby'ewaabwe, kubanga omukozi w'omulimu asaanira empeera ye. Temuvanga mu nnyumba emu okuyingira mu ndala.
- 8 Na buli kibuga kye mutuukangamu, ne babasembeza, mulyanga buli bye bassanga mu maaso gammwe;
- 9 muwonyenga abalwadde abalimu, mubagambenga nti Obwakabaka bwa Katonda bubasemberedde kumpi.
- 10 Naye buli kibuga kye mutuukangamu ne batabasembeza, mufulumanga mu nguudo zaakyo, mugambanga nti
- 11 N'enfuufu ey'omu kibuga kyammwe, etusaabaanye mu bigere, tugibakunkumulira mmwe; naye mutegeere kino ng'obwakabaka bwa Katonda busembedde.
- 12 Mbagamba mmwe nti Sodomu eriba n'okubonyaabonyezebwa okuligumiikirizika ku lunaku luli okukira ekibuga ekyo.
- 13 Zikusanze, Kolaziini! zikusanze, Besusayida kubanga, eby'amaanyi ebyakolerwa ewammwe singa byakolerwa e Ttuulo n'e Sidoni, singa beenenya dda nga batudde mu bibukutu n'evvu.
- 14 Naye Ttuulo ne Sidoni biriba n'okubonyaabonyezebwa okuligumiikirizika ku lunaku olw'omusango, okukira mmwe.
- 15 Naawe Kaperunawumu, oligulumizibwa okutuuka mu ggulu? olissibwa okutuuka e Magombe.
- 16 Abawulira mmwe, ng'awulira nze; era anyooma mmwe ng'anyooma nze; n'oyo anyooma nze ng'anyooma eyantuma.

- 17 Awo abo ensanvu ne bakomawo n'essanyu nga bagamba nti Mukama waffe, ne badayimooni batuwulira mu linnya lyo.
- 18 N'abagamba nti Nnalaba Setaani ng'avudde mu ggulu okugwa ng'okumyansa.
- 19 Laba, mbawadde obuyinza obw'okulinnyanga ku misota n'enjaba ez'obusagwa, n'amaanyi gonna ag'omulabe: so tewali kintu ekinaabakolanga obubi n'akatono
- 20 Naye ekyo temukisanyukira, kubanga badayimooni babawulira; naye musanyuke kubanga amannya gammwe gawandiikiddwa mu ggulu.
- 21 Awo mu ssaawa eyo n'asanyukira mu Mwoyo Omutukuvu n'agamba nti Nkwebaza, Kitange, Mukama w'eggulu n'ensi, kubanga bino wabikweka abagezi n'abakabakaba, n'obibikkulira abaana abato: weewaawo, Kitange; kubanga bwe kyasiimwa bwe kityo mu maaso go.
- 22 Byonna byampeebwa Kitange; tewali muntu amanyi Omwana bw'ali, wabula Kitaffe; newakubadde Kitaffe bw'ali, wabula Omwana, n'oyo Omwana gw'ayagala okumubikkulira.
- 23 N'akyukira abayigirizwa be n'abagamba kyama nti Galina omukisa amaaso agalaba bye mulaba:
- 24 kubanga mbagamba nti Bannabbi bangi ne bakabaka baayagalanga okulaba bye mulaba mmwe, ne batabiraba; n'okuwulira bye muwulira ne batabiwulira.
- 25 Kale, laba, omuyigiriza w'amateeka n'ayimirira ng'amukema ng'agamba nti Omuyigiriza, nkolenga ki okusikira obulamu obutaggwaawo?
- 26 N'amugamba nti Kyawandiikibwa kitya mu mateeka? Osoma otya?
- 27 N'addamu n'agamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna, n'amagezi go gonna; ne muliraanwa wo nga ggwe bwe weeyagala wekka.
- 28 N'amugamba nti Ozzeemu bulungi; kola bw'oty, onoobanga n'obulamu.
- 29 Naye ye obutayagala kuwangulukuka, n'agamba Yesu nti Muliraanwa wange ye ani?
- 30 Yesu n'addamu n'agamba nti Waaliwo omuntu eyali ava e Yerusaalemi ng'aserengeta e Yeriko; n'agwa mu batemu, ne bamwambula, ne bamukuba emiggo, ne bagenda ne bamuleka ng'abulako katono okufa.
- 31 Awo kabona yali ng'aserengetera inu kkubo eryo nga tamanyiridde; kale bwe yamulaba, n'amwebalama n'ayitawo.
- 32 N'Omuleevi bw'atyo bwe yatuuka mu kifo ekyo, n'amulaba, n'amwebalama n'ayitawo.
- 33 Naye Omusamaliya bwe yali ng'atambula, n'ajja w'ali: awo bwe yamulaba n'amukwatirwa ekisa,
- 34 n'amusementerera, n'amusiba ebiwundu bye, ng'afukamu amafuta n'omwenge; n'amussa ku nsolo ye, n'amuleeta mu kisulo ky'abagenyi, n'amujjanjaba.
- 35 Awo bwe bwakya enkya n'atoola eddinaali bbiri, n'aziwa nnannyini nnyumba n'amugamba nti Mujjanjabe; n'ekintu kyonna ky'oliwaayo okusukkawo, bwe ndikomawo ndikusasula.
- 36 Kale olowooza otya, aluwa ku abo abasatu, eyali muliraanwa w'oyo eyagwa mu batemu?
- 37 N'agamba nti oli eyamukolera eby'ekisa. Yesu n'amugamba nti Naawe genda okole bw'oty.
- 38 Awo bwe baali bagenda, n'ayingira mu kyalo: omukazi erinnya lye Maliza n'amusementerera mu nnyumba ye.
- 39 Naye yalina muganda we ayitibwa Malyamu, eyatuulanga awali ebigere bya Mukama waffe n'awuliranga ekigambo kye.
- 40 Naye Maliza yabanga n'emitawaana egy'okuweereza okungi; n'ajja w'ali, n'amugamba nti Mukama wange, tofaayo nga muganda wange andese okuweereza

nzekka? kale mugambe annyambe.

- 41 Naye Mukama waffe n'addamu n'amugamba nti Maliza, Maliza, weeraliikirira, olina emitawaana egy'ebigambo bingi;
- 42 naye ekyetaagibwa kiri kimu: kubanga Malyamu alonzeewo omugabo ogwo omulungi ogutalimuggibwako.

Essuula 11

- 1 Awo olwatuuka bwe yali ng'ali mu kifo ng'asaba, bwe yamala, ku bayigirizwa be omu n'amugamba nti Mukama waffe, tuyigirize okusaba, era nga Yokaana bwe yayigirizanga abayigirizwa be.
- 2 N'abagamba nti Bwe musabanga, mugambanga nti Kitaffe, Erinnya lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje.
- 3 Otuwenga buli lunaku emmere yaffe ey'olunaku.
- 4 Era otusonyiwe ebyonoono byaffe; kubanga naffe tumusonyiwa buli gwe tubanja. So totutwala mu kukemebwa.
- 5 N'abagamba nti Ani ku mmwe alina ow'omukwano aligenda ewuwe ettumbi, n'amugamba nti Mukwano gwange, mpola emigaati esatu;
- 6 kubanga mukwano gwange azze, ava mu lugendo, nange sirina kya kussa mu maaso ge;
- 7 n'oli ali munda n'addamu n'agamba nti Tonteganya; kaakano oluggi luggale, abaana bange nange tumaze okwebaka, siyinza kugolokoka kukuwa?
- 8 Mbagamba nti Newakubadde nga tagolokoka n'amuwa kubanga mukwano gwe, naye olw'okutayirira kwe anaagolokoka n'amuwa byonna bye yeetaaga.
- 9 Nange mbagamba mmwe nti Musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo.
- 10 Kubanga buli muntu yenna asaba aweebwa; n'anoonya alaba; n'eyeeyanjula aliggulirwawo.
- 11 Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we bw'alimusaba omugaati, alimuwa ejjinja? oba ekyennyanja, n'amuwa omusota mu kifo ky'ekyennyanja?
- 12 Oba bw'alisaba eggi, n'amuwa enjaba?
- 13 Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba.
- 14 Yali ng'agoba dayimooni omusiru. Awo dayimooni bwe yamuvaako, kasiru n'ayogera, ebibiina ne byewuunya.
- 15 Naye abamu ne bagamba nti Agoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli omukulu wa dayimooni.
- 16 N'abalala, ne bamwagaza akabonero akava mu ggulu, nga bamukema.
- 17 Naye ye, bwe yamanya bye balowooza, n'abagamba nti Buli bwakabaka bwonna bwe bwawukanamu bwo bwokka buzikirira; n'ennyumba bw'eyawukanamu ennyumba eyo egwa.
- 18 Ne Setaani bw'ayawukanamu ye yekka, obwakabaka bwe buliyimirirawo butya? kubanga mugamba nti ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli.
- 19 Era oba nga nze ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli, abaana bammwe bagigoba ku bw'ani? kyebaliva baba abalamuzi bammwe.
- 20 Naye bwe mba ngobesa dayimooni engalo ya Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda bubajjidde.
- 21 Omuntu ow'amaanyi ng'alina ebyokulwanyisa bw'akuuma oluggya lwe, ebintu bye bibeera mirembe:
- 22 naye amusinga amaanyi bw'amujjira n'amuwangula, amunyagako ebyokulwanyisa

- bye byonna bye yeesiga, n'agaba ebintu bye.
- 23** Ataba nange ye mulabe wange; era atakuaanyiza wamu nange asaasaanya.
- 24** Dayimooni bw'ava ku muntu, ayita mu bifo ebitaliimu mazzi ng'anoonya aw'okuwummulira; bw'abulwa agamba nti Ka nzireyo mu nnyumba yange mwe nava.
- 25** Bw'ajja, agiraba ng'eyereddwa etimbiddwa.
- 26** Kale agenda, n'aleeta badayimooni abalala musanvu, ababi okumusinga ye, ne bayingira ne babeera omwo: kale eby'oluvannyuma eby'omuntu oyo bibeera bibi okusinga eby'olubereberye.
- 27** Awo olwatuuka ng'ayogera ebyo, omukazi ow'omu kibiina n'ayimusa eddoboosi lye n'amugamba nti Lulina omukisa olubuto olwakuzaala n'amabeere ge wayonkako.
- 28** Naye ye n'agamba nti Ekisinga, balina omukisa abawulira ekigambo kya Katonda, ne bakyekuuma.
- 29** Awo ebibiina bwe byali nga bikuaanira w'ali, n'atanula okugamba nti Emirembe gino mirembe mibi: ginoonya akabonero, so tegiriweebwa kabonero wabula akabonero ka Yona.
- 30** Kuba Yona nga bwe yali akabonero eri ab'e Nineeve, bw'atyo n'Omwana w'omuntu bw'aliba eri emirembe gino.
- 31** Kabaka omukazi ow'obukiika obwa ddyo aliyimirira mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, alibasinza omusango: kubanga yava ku nkomerero z'ensi okuwulira amagezi ga Sulemaani; era, laba, asinga Sulemaani ali wano.
- 32** Abantu ab'e Nineeve baliyimirira mu musango wamu n'emirembe gino, baligisinza omusango: kubanga beenenya olw'okubuulira kwa Yona; era, laba, asinga Yona ali wano.
- 33** Tewali akoleeza ttabaaza n'agissa mu bunnya, oba munda w'ekibbo, wabula ku kikondo, abayingira balabe bw'eyaka.
- 34** Ettabaaza y'omubiri gwo lye liiso lyo; eriiso lyo bwe liraba obulungi, n'omubiri gwo gwonna guba gujjudde omusana; naye bwe liba ebbi, n'omubiri gwo nga gujjudde ekizikiza.
- 35** Kale weekuumenga omusana ogukulimu gulemenga okubeera ekizikiza.
- 36** Kale omubiri gwo gwonna bwe gujjula omusana, nga tegulina kitundu kimu kya kizikiza, gwonna gulijjula musana ng'ettabaaza bw'ekumulisiza n'okutangaala kwayo.
- 37** Awo bwe yali ng'ayogera, Omufalisaayo n'amuyita okulya emmere ewuwe: n'ayingira n'atuula ku mmere.
- 38** Omufalisaayo bwe yalaba, ne yeewuunya kubanga tasoosa kunaaba nga tannalya.
- 39** Mukama waffe n'amugamba nti Mmwe Abafalisaayo munaaza kungulu w'ekikompe n'ow'ekibya; naye munda yammwe mujjudde obunyazi n'obubi.
- 40** Mmwe abasiru, oyo ayakola kungulu si ye yakola ne munda?
- 41** Naye ebiri munda mubiwegayo okuba eby'okusaasira; era, laba, byonna birongoofu gye muli.
- 42** Naye zibasanze mmwe, Abafalisaayo kubanga muwa ekitundu eky'ekkumi ekya nnabbugira n'akakubansiri n'enva zonna, naye omusango n'okwagala Katonda mubiyita bbali: ebyo kibagwanidde okubikolanga, na biri obutabirekangayo.
- 43** Zibasanze mmwe, Abafalisaayo! kubanga mwagala entebe ez'oku manjo mu makuaanero n'okulamusiwa mu butale.
- 44** Zibasanze! kubanga mufaanana amalaalo agatalabika, abantu ge batambulirako nga tebagamanyi.
- 45** Awo omu ku bayigiriza b'amateeka n'addamu n'amugamba nti Omuyigiriza, bw'ogamba bw'otyo ovuma naffe.

- 46 N'agamba nti Nammwe, abayigiriza b'amateeka, zibasanze! kubanga mutikka abantu emigugu egiteetikkika, mmwe bennyini gye mutayagala kukomako na lunwe lwammwe.
- 47 Zibasanze! kubanga muzimba amalaalo ga bannabbi, naye bajjajjammwe be baabatta.
- 48 Bwe mutyo muli bajulirwa era musiima ebikolwa bya bajjajjammwe: kubanga bo baabatta, nammwe muzimba amalaalo gaabwe.
- 49 N'amagezi ga Katonda kyegaava gagamba nti Ndibatumira bannabbi n'abatume; abamu ku bo balibatta balibayigganya;
- 50 omusaayi gwa bannabbi bonna, ogwayiika okuva ku kutondebwa kw'ensi, gubuuz-ibwe eri emirembe gino;
- 51 okuva ku musaayi gwa Abbeeri okutuuka ku musaayi gwa Zaakaliya, eyattirwa wakati w'ekyoto ne yeekaalu: mazima mbagamba mmwe nti Gulibuuzibwa eri emirembe gino.
- 52 Zibasanze mmwe, abayigiriza b'amateeka! Kubanga mwatwala ekisumuluzo eky'okutegeera: mmwe bennyini temwayingira, n'abaali bayingira mwabaziyiza.
- 53 Awo bwe yavaayo, abawandiisi n'Abafalisaayo ne batanula okumuteganya ennyo, n'okumukemereza ebighambo bingi;
- 54 nga bamutega, okutega ekighambo ekinaava mu kamwa ke, balyoke bamuwawaabire.

Essuula 12

- 1 Mu biro ebyo abantu b'ekibiina obukumi n'obukumi bwe baali bakuaanye n'okulin-nyagana nga balinnyagana, n'asookera ku bayigirizwa be okubagamba nti Mweku-umenga ekizimbulukusa eky'Abafalisaayo, bwe bunnanfuusi.
- 2 Naye tewali ekyabikkibwa ekitalibikkulwa; newakubadde ekyakisibwa ekital-itegeerwa.
- 3 Kale byonna bye mwali mwogeredde mu kizikiza biriwulirirwa mu musana; n'ekyo kye mwali mwogeredde mu kutu mu bisenge kiribuulirirwa ku kasolya k'ennyumba.
- 4 Era mbagamba mmwe, mikwano gyange, nti Temutyanga abo abatta omubiri, oluyan-nyuma abatalina kighambo kya kukola ekisingawo.
- 5 Naye nnaabalabula gwe munaatyanga: Mutyenga oyo, bw'amala okutta alina obuyinza okusuula mu Ggeyeena, weewaawo, mbagamba nti Oyo gwe muba mutyanga.
- 6 Enkazaluggya ettaano tebazitundamu mapeesa abiri? naye tewali n'emu ku zo eyeer-abirwa mu maaso ga Katonda.
- 7 Naye n'enviiri ez'oku mitwe gyammwe zibaliddwa zonna. Temutyanga: mmwe musinga enkazaluggya ennyingi.
- 8 Era mbagamba nti Buli alinjatulira mu maaso g'abantu, oyo Omwana w'omuntu naye alimwatulira mu maaso ga bamalayika ba Katonda;
- 9 naye anneegaanira mu maaso g'abantu alyegaanirwa mu maaso ga bamalayika ba Katonda.
- 10 Na buli muntu ayogera ekighambo ku Mwana w'omuntu kirimusonyiyibwa: naye oyo avvoola Omwoyo Omutukuvu talisonyiyibwa.
- 11 Era bwe babaleetanga mu makuaaniri n'eri abaamasaza, n'abalina obuyinza, temwer-aliikiriranga bwe munaddamu oba kye munaddamu oba kye munaayogera;
- 12 kubanga Omwoyo Omutukuvu anaabayigirizanga mu kiseera ekyo ebibagwanidde okwogera.
- 13 Awo omuntu ow'omu kibiina n'amugamba nti Omuyigiriza, gamba muganda wange agabane nange eby'obusika bwaffe.
- 14 Naye ye n'amugamba nti Omuntu, ani eyanzisaawo okuba omulamuzi oba omugabi wammwe?

- 15 N'abagamba nti Mutunule, mwekuumenga okwegomba kwonna; kubanga obulamu bw'omuntu si by'ebintu ebingi by'aba nabyo.
- 16 N'abagerera olugero ng'agamba nti Waaliwo omuntu omugagga, ennimiro ye n'eyeza:
- 17 n'alowooza munda mu ye ng'agamba nti Nnaakola ntya, kubanga sirina we nnaakuaanyiza bibala byange?
- 18 N'agamba nti Nnaakola bwe nti: nnaamenya amawanika gange ne nzimba amalala agasinga obunene; ne nkuaanyiza omwo emmere yange enkalu yonna n'ebintu byange.
- 19 Ndigamba emmeeme yange nti Emmeeme, olina ebintu bingi ebiterekeddwa eby'emyaka emingi; wummula, olye, onywe, osanyuke.
- 20 Naye Katonda n'amugamba nti Musiru ggwe, mu kiro kino emmeeme yo banaagikug-gyako; kale ebintu by'otegese binaaba by'ani?
- 21 Bw'atyo bw'ali eyeeterekera obugagga, so nga si mugagga eri Katonda.
- 22 N'agamba abayigirizwa be nti Kyenva mbagamba nti Temweraliikiriranga bulamu bwammwe, kye munaalya; newakubadde emibiri gyammwe, kye munaayambala.
- 23 Kubanga obulamu businga emmere, n'omubiri gusinga ebyokwambala.
- 24 Mulowooze bannamuona, bwe batasiga so tebakungula; abatalina tterekero, newakubadde eggwanika; era Katonda abaliisa; mmwe temusinga nnyonyi mirundi mingi?
- 25 Ani ku mmwe bwe yeeraliikirira ayinza okwongera ku bukulu bwe omukono ogumu?
- 26 Kale bwe mutayinza ekisinga obutono, kiki ekibeeraliikiriza ebirala?
- 27 Mulabe amalanga bwe gamera: tegakola mulimu so tegalanga lugoye; naye mbagamba nti Ne Sulemaani mu kitiibwa kye kyonna teyayambalanga ng'erimu ku go.
- 28 Naye Katonda bw'ayambaza bw'atyo omuddo ogw'oku ttale, ogubaawo leero, enkya nga bagusuula ku kikoomi; talisinga nnyo okwambaza mmwe, abalina okukkiriza okutono?
- 29 Nammwe temunoonyanga kye munaalya oba kye munaanywa, so temubanga na myoyo egibusabuusa.
- 30 Kubanga ebintu ebyo byonna binoonyezebwa amawanga ag'ensi: naye Kitammwe amanyi nga mwetaaga ebyo.
- 31 Naye munoonye obwakabaka bwe, n'ebintu ebyo mulibyongerwako.
- 32 Totyanga, ggwe ekisibo ekitono; kubanga Kitammwe asiima okubawa mmwe obwak-abaka.
- 33 Mutundenga bye muli nabyo, muwengayo eby'okusaasira; mwetungirenga ensawo ezitakaddiwa, obugagga obutaggwaawo mu ggulu; omubbi gy'atasembera, n'ennyenje gye zitayoonera.
- 34 Kubanga obugagga bwammwe gye buli, n'emitima gyammwe gye giribeera.
- 35 Mwesibenga ebimyu mu biwato byammwe, n'ettabaaza zammwe nga zaaka;
- 36 nammwe bennyini mubeerenga ng'abantu abalindirira mukama waabwe, w'aliddira ng'ava ku mbaga ey'obugole; bw'alijja n'akoona ku luggi, bamuggulirewo amangu ago.
- 37 Balina omukisa abaddu abo, mukama waabwe bw'alijja b'alisanga nga batunula; mazima mbagamba ng'alyesiba n'abatuuza ku mmere, n'ajja n'abaweereza.
- 38 Awo bw'alijja mu kisisimuka eky'okubiri, oba mu ky'okusatu, n'abasanga bw'atyo, balina omukisa abaddu abo.
- 39 Naye mutegeere kino, nga nnannyini nnyumba singa amanya ekiseera omubbi w'ana-jjira, yanditunudde, teyandirese nnyumba ye kusimibwa.
- 40 Nammwe mweteeketeekenga: kubanga Omwana w'omuntu ajjira mu kiseera mwe mutalowooleza.

- 41 Peetero n'agamba nti Mukama waffe, olugero luno olugeredde ffe nantiki bonna?
- 42 Mukama waffe n'agamba nti Kale ani oyo omuwanika omwesigwa ow'amagezi, mukama we gw'alisigira ab'omu nnyumba ye, okubagabiranga omugabo gwabwe ogw'emmere mu kiseera kyayo?
- 43 Alina omukisa omuddu oyo mukama we bw'alijja gw'alisanga ng'akola bw'atyo.
- 44 Mazima mbagamba ng'alimusigira byonna by'ali nabyo.
- 45 Naye omuddu oyo bw'alyogera mu mutima gwe nti Mukama wange aludde okujja; n'atanula okukuba abaddu n'abazaana, n'okulya n'okunywa n'okutamiira;
- 46 kale mukama w'omuddu oyo alijja ku lunaku lw'atamulowoolezaako, ne mu kiseera ky'atamanyi, alimutemaatema alimuwa omugabo gwe wamu n'abatakkiriza.
- 47 N'omuddu oyo eyamanya mukama we kye yayagala, n'atategeka n'atatuusa kye yayagala, alikubwa mingi;
- 48 naye ataamanya n'akola ebisaanidde okumukubya, alikubwa mitono; na buli eyaweebwa ebingi, alinoonyezebwako bingi; n'oyo gwe baateresa ebingi, gwe balisinga okubuuza ebingi.
- 49 Najja kusuula muliro ku nsi; nagwo oba nga kaakano gwaka, njagala ki?
- 50 Naye nnina okubatizibwa kwe ndibatizibwa; nange nga mbonaabona okutuusa lwe kuluukirizibwa!
- 51 Mulowooza nti najja kuleeta mireembe ku nsi? Mbagamba nti Nedda; wabula okwawukana obwawukanyi;
- 52 kubanga okutanula kaakano walibaawo bataano mu nnyumba emu nga baawukanye, abasatu n'ababiri, era ababiri n'abasatu.
- 53 Balyawukana, kitaawe n'omwana we, era omwana ne kitaawe; nnyina ne muwala we, era omuwala ne nnyina; era nnyazaala ne muka mwana we, era muka mwana we ne nnyazaala we.
- 54 N'agamba ebibiina nabyo nti Bwe mulaba ekire nga kyekulumulula ebugwanjuba, amangu ago mugamba nti Enkuba eneetonnya; era bwe kiba bwe kityo.
- 55 Bwe mulaba empewo ng'efuluma bukiika obwa ddyo mugamba nti Linaaba bbugumu; era bwe kiba.
- 56 Bannanfuusi, mumanyi okukebera ekifaananyi ky'ensi n'eggulu; naye kiki ekibalobera okumanya okukebera obudde buno?
- 57 Era nammwe mwekka ekibalobera kiki okusala eby'ensonga?
- 58 Kubanga bw'oba ogenda n'akuloopa eri omulamuzi, onyikiriranga mu kkubo okutabagana n'akuvunaana; aleme okukuwalulira ewa katikkiro, ne katikkiro n'akuwa omumbowa, n'omumbowa n'akusuula mu kkomera.
- 59 Nkugamba nti Toliva omwo n'akatono, okutuusa lw'olisasulirira ddala buli ssente.

Essuula 13

- 1 Awo mu biro ebyo waaliwo abantu abaali bali awo abaamubuulira eby'Abagaliraaya bali, Piraato be yatabulira omusaayi gwabwe ne ssaddaaka zaabwe.
- 2 N'addamu n'abagamba nti Mulowooza nga Abagaliraaya abo baali boonoonyi okusinga Abagaliraaya bonna, kubanga baabonyaabonyezebwa batyo?
- 3 Mbagamba nti Si bwe kityo: naye bwe muteenanya, mulizikirira mwenna bwe mutyo.
- 4 Oba bali ekkumi n'omunaana, ekigo eky'omu Sirowamu be kyagwako ne kibatta, mulowooza baali bakozi ba bubu okusinga abantu bonna abaali mu Yerusaalemi?
- 5 Mbagamba nti Si bwe kityo: naye bwe muteenanya, mulizikirira mwenna bwe nnyo.
- 6 N'ayogera olugero luno, nti Waaliwo omuntu eyalina omutiini ogwali gusimbiddwa mu lusuku lwe olw'emizabbibu; n'ajja ng'agunoonyaako ebibala n'atabiraba.
- 7 N'agamba omulimi nti Laba, leero emyaka esatu nga njija okunoonya ebibala ku

- mutiini guno, ne ssibiraba; guteme; n'okwemala gwemalira ki ekifo obwereere?
- 8 Ye n'addamu n'amugamba nti Mukama wange, guleke mu mwaka guno era, ngutemeretemere, nguteekeko obusa;
 - 9 bwe gulibala ebibala oluvannyuma, kirungi; naye oba nga si bwe kityo, oligutema.
 - 10 Awo ku lunaku lwa ssabbiiti yali ng'ayigiriza mu limu ku makuaaniro.
 - 11 Era, laba, omukazi eyali yaakalwalira dayimooni ow'obunafu emyaka ekkumi n'omunaana; ng'agongobadde nga tayinza kwegolola n'akatono.
 - 12 Awo Yesu bwe yamulaba, n'amuyita n'amugamba nti Omukazi, osumuluddwa obulwadde bwo.
 - 13 N'amussaako emikono, amangu ago n'aba mugolokofu, n'atendereza Katonda.
 - 14 Naye omukulu w'ekkuaaniro bwe yanyiiga kubanga Yesu awonyezza omuntu ku ssabbiiti, n'addamu n'agamba ekibiina nti Waliwo ennaku omukaaga ezigwana okukolerangako emirimu: kale mujjirenga ku ezo okuwonyezebwa, naye si ku lunaku lwa ssabbiiti.
 - 15 Naye Mukama waffe n'amuddamu n'agamba nti Bannanfuusi, buli omu ku mmwe ku lunaku lwa ssabbiiti tayimbula nte ye oba ndogoyi ye mu kisibo, n'agitwala okuginyewesa?
 - 16 Era oyo omwana wa Ibulayimu eyasibirwa Setaani, laba, emyaka kkumi na munaana, tagwanidde kusumululwa mu busibe obwo ku lunaku lwa ssabbiiti?
 - 17 Awo bwe yali ng'ayogera ebyo, abalabe be bonna ne baswala: n'ekibiina kyonna ne basanyukira byonna eby'ekitiibwa ebikoleddwa ye.
 - 18 Kyeyava agamba nti Obwakabaka bwa Katonda bufaanana na ki? era nnaabufaananya na ki?
 - 19 Bufaanana akaweke ka kalidaali, omuntu ke yaddirira n'akasuula mu nnimiro ye; ne kakula, ne kaba muti; ennyonyi ez'omu bbanga ne zituula ku matabi gaagwo.
 - 20 Ate n'agamba nti Obwakabaka bwa Katonda nnaabufaananya na ki?
 - 21 Bufaanana ekizimbulukusa, omukazi kye yaddirira n'akikisa mu bibbo bisatu eby'obutta, bwonna ne buzimbulukuka.
 - 22 N'atambula mu bibuga ne mu mbuga ng'ayigiriza ng'agenda e Yerusalemi.
 - 23 Omuntu n'amugamba nti Mukama wange, be batono abalokolebwa? Ye n'abagamba nti
 - 24 Mufubenga okuyingira mu mulyango omufunda: kubanga mbagamba nti bangi abalinoonya okuyingira, so tebaliyinzza.
 - 25 Nannyini nnyumba bw'alimala okugolokoka, n'aggalawo oluggi, ne musooka okuyimirira ebweru, n'okukonkona ku luggi, nga mugamba nti Mukama waffe, tugulirewo; kale alibaddamu n'abagamba nti Sibamanyi gye muva;
 - 26 ne mulyoka mutanula okugamba nti Twaliiranga era twanyweranga mu maaso go, era wayigirizanga mu nguudo zaffe;
 - 27 kale aligamba nti Mbagamba nti simanyi gye muva: muve we ndi; mwenna abakola ebitali bya butuukirivu.
 - 28 Eyo eribaayo okukaaba n'okuluma obujiji bwe muliraba Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo ne bannabbi bonna mu bwakabaka bwa Katonda, nammwe nga musuuliddwa ebweru.
 - 29 Baliija nga bava ebuwanjuba n'ebugwanjuba, n'obukiika obwa kkono n'obwa ddyo, balituula mu bwakabaka bwa Katonda.
 - 30 Era, laba, waliwo ab'oluvannyuma abaliba ab'olubereberye, era waliwo ab'olubereberye abaliba ab'oluvannyuma.
 - 31 Mu kiseera ekyo Abafalisaayo ne bajja, ne bamugamba nti Va wano, weegendere: kubanga Kerode ayagala kukutta.
 - 32 N'abagamba nti Mugende mugambe enkerettanyi eyo nti Laba, ngoba dayimooni

mponya abantu leero n'enkya, ne ku lunaku olw'okusatu ndituukirizibwa.

- 33 Naye kiwanidde okutambulako leero n'enkya n'olw'ebbiri; kubanga tekiyinzika nnabbi kuzikiririra bweru wa Yerusaalemi.
- 34 Ggwe Yerusaalemi, Yerusaalemi, atta bannabbi, akuba amayinja abatumibwa gy'ali! emirundi emeka nga njagala okukuaanya abaana bo, ng'enkoko bw'ekuaanyiza obwana bw'ayo mu biwaawaatiro byayo, so temwakkiriza!
- 35 Laba, ennyumba yammwe ebalekeddwa kifulukwa; era mbagamba nti Temulindaba, okutuusa lwe muligamba nti Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama.

Essuula 14

- 1 Awo olwatuuka bwe yayingira ku ssabbiiti mu nnyumba y'omukulu w'Abafalisaayo omu okulya emmere ne bamulabirira.
- 2 Era, laba, waaliwo omuntu mu maaso ge, eyali alwadde entumbi.
- 3 Yesu n'addamu n'ayogera n'abayigiriza b'amateeka n'Abafalisaayo ng'agamba nti Kirungi okuwonyeza ku ssabbiiti, nantiki si weewaawo?
- 4 Naye ne basirika. N'amukwatako n'amuwonya, n'amusiibula.
- 5 N'abagamba nti Ani ku mmwe alina endogoyi ye oba nte ye ng'egudde mu luzzi atagiggyaamu mangu ago ku ssabbiiti?
- 6 Ne batayinza ate kumuddamu ebyo.
- 7 N'agerera olugero abo abaayitibwa bwe yalaba engeri gye beeroboza ebifo eby'okumwanjo; n'abagamba nti
- 8 Omuntu bw'akuyitanga ku mbaga ey'obugole, totuulanga mu kifo kya ku mwanjo, mpozzi waleme okubaawo akusinga ekitiibwa gw'ayise,
- 9 n'oli eyakuyise ggwe naye n'ajja, n'akugamba nti Segulira ono; n'olyoka otanula n'ensonyi okutwala ekifo eky'ennyuma.
- 10 Naye bw'oyitibwanga ogendanga n'otuula mu kifo eky'ennyuma, eyakuyise bw'anaj-janga, akugambe nti Mukwano bwange, sembera eno ku mwanjo; n'olyoka obeera n'ekitiibwa mu maaso g'abo bonna b'otudde nabo ku mmere.
- 11 Kubanga buli muntu yenna eyeegulumiza alitoowazibwa; n'oyo eyeetoowaza aligulumizibwa.
- 12 Era n'agamba n'oyo eyamuyise nti Bw'ofumbanga emmere ey'ekyemisana oba ey'ekyeggulo, toyitanga mikwano gyo, newakubadde baganda bo, newakubadde ab'ekika kyo, newakubadde baliraanwa bo abagagga; mpozzi baleme okukuyita nate nabo, ne wabaawo okukusasula.
- 13 Naye bw'ofumbanga embaga, oyitanga abaavu n'abalema n'abawenyera n'abazibe b'amaaso:
- 14 era oliweebwa omukisa; kubanga tebalina kya kukusasula: kubanga olisasulirwa mu kuzuukira kw'abatuukirivu.
- 15 Awo omu ku abo abaali batudde awamu naye ku mmere, bwe yawulira ebyo, n'amugamba nti Alina omukisa aliriira emmere mu bwakabaka bwa Katonda.
- 16 Naye n'amugamba nti Waaliwo omuntu eyafumba embaga ennene; n'ayita bangi:
- 17 n'atuma omuddu we obudde obw'embaga nga butuuse okugamba bali abayitiddwa, nti Mujje; kubanga bimaze okutegekebwa.
- 18 Bonna n'emmeeme emu ne batanula okwegayirira okusonyiyibwa. Ow'olubereberye n'amugamba nti Nguze olusuku, kiwanidde okuyimuka okugenda okululaba; nkwe-gayiridde nsonyiwa.
- 19 N'omulala n'agamba nti Nguze emigogo gy'ente etaano, enda kuzikema; nkwe-gayiridde nsonyiwa.
- 20 N'omulala n'agamba nti Mpasizza omukazi, kyennaava nnema okuyinza okujja.

- 21 Awo omuddu oyo n'ajja n'abuulira mukama we ebyo. Awo nnannyini nnyumba n'alyoka asunguwala n'agamba omuddu we nti Fuluma mangu ogende mu nguudo ne mu makubo ag'ekibuga, oleete wano abaavu n'abalema n'abazibe b'amaaso n'abawenyera.
- 22 Omuddu n'agamba nti Mukama wange, ky'olagidde kikoledwa, naye wakyaliwo ebbanga.
- 23 Mukama we n'agamba omuddu nti Fuluma ogende mu makubo ne mu bukubo, obawalirize okuyingira, ennyumba yange ejjule.
- 24 Kubanga mbagamba nti Bali abaayitibwa, tewali n'omu alirega ku mbaga yange.
- 25 Awo ebibiina binene byali bigenda naye; n'akyuka n'abagamba nti
- 26 Omuntu bw'anajjanga gye adi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukazi we, n'abaana be, ne baganda be, ne bannyina, era n'obulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange.
- 27 Buli ataasitulenga musalaba gwe ye, n'ajja ennyuma wange, taayinzenga kuba muyigirizwa wange.
- 28 Kubanga ani ku mmwe bw'aba ng'ayagala okuzimba ennyumba, atasooka kutuula n'abalirira eby'emirimu gyayo, oba ng'alina eby'okugimala?
- 29 Mpozzi bw'aba ng'amaze okuteekawo omusingi bw'atayinza kugimaliriza, bonna abalaba batanula okumusekerera,
- 30 nga bagamba nti Omuntu ono yasooka okuzimba n'atayinza kumala.
- 31 Oba kabaka ki bw'aba ng'agenda ku lutalo okulwana ne kabaka omulala atasookakutuula n'ateesa ebigambo, oba ng'ayinza n'akakumi okusisinkana n'oli amujjira n'obukumi obubiri?
- 32 Oba nga si bwe kityo, oli bw'aba akyaali wala nnyo, atuma ababaka n'asaba eby'okutabagana.
- 33 Kale bwe kityo buli muntu yenna ku mmwe ateefirizenga byonna by'ali nabyo, taayinzenga kuba muyigirizwa wange.
- 34 Kale omunno mulungi: naye n'omunno bwe guggwaamu ensa, mulizzaamu ki?
- 35 Tegusaanira nnimiro newakubadde olubungo, bagusuula bweru. Alina amatu ag'okuwulira, awulire.

Essuula 15

- 1 Awo abawooza bonna n'abalina ebibi baali nga bamusemberera okumuwulira.
- 2 Abafalisaayo era n'abawandiisi ne beemulugunya, nga bagamba nti Ono asembeza abalina ebibi, era alya nabo.
- 3 N'abagerera olugero luno, ng'agamba nti
- 4 Muntu ki ku mmwe alina endiga ekikumi, bw'abulwako emu, ataleka ziri ekyenda mu omwenda ku ttale, n'agoberera eri eyabuze, okutuusa lw'aligiraba?
- 5 Kale bw'agiraba, agissa ku kibegabega kye ng'asanyuka.
- 6 Bw'atuuka eka, ayita mikwano gye ne baliraanwa be, n'abagamba nti Munsanyukireko, kubanga nzudde endiga yange eyabadde ebuze.
- 7 Mbagamba nti Bwe kityo linaabanga ssanyu mu ggulu olw'oyo alina ebibi omu eyeenya, okusinga abatuukirivu ekyenda mu omwenda, abateetaaga kwenya.
- 8 Oba mukazi ki alina erupiya ekkumi, bw'abulwako erupiya emu, atakoleeza ttabaaza n'ayera ennyumba, n'anyiikira okunoonya okutuusa lw'agizuula?
- 9 Bw'agiraba, ayita mikwano gye ne baliraanwa be nagamba nti Munsanyukireko, kubanga nzudde erupiya eyabadde embuze.
- 10 Mbagamba nti Bwe kityo liba ssanyu mu maaso ga bamalayika ba Katonda olw'oyo alina ebibi omu eyeenya.

- 11 N'agamba nti Waaliwo omuntu eyalina batabani be babiri:
- 12 omuto n'agamba kitaawe nti Kitange, mpa omugabo gw'ebintu oguwanidde. Kale n'abagabira eby'obulamu bwe.
- 13 Awo oluvannyuma lw'ennaku si nnyingi, oyo omwana omuto n'akuaanya ebibye byonna, n'atambula n'agenda mu nsi ey'ewala; n'asaasaanyiza eyo ebintu bye mu mpisa embi.
- 14 Awo bwe yamala okubirya byonna, enjala nnyingi n'egwa mu nsi omwo, n'atanula okudaagana.
- 15 N'agenda ne yeegatta n'omwami ow'omu nsi eyo; oyo n'amusindika mu kyalo kye okulundanga embizzi.
- 16 Ne yeegombanga okukkuta ebikuta embizzi bye zaalyanga: ne watabaawo muntu amuwa.
- 17 Naye bwe yeddamu, n'agamba nti Abaweereza bameka ab'empeera aba kitange abakkuta emmere ne balemwa, nange nfiira wano enjala!
- 18 Nnaagoloka ne enda eri kitange, ne mmugamba nti Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu manso go;
- 19 sikyasaana kuyitibwa mwana wo; nfuula ng'omu ku baweereza bo ab'empeera.
- 20 N'agolokoka n'ajja eri kitaawe. Naye yali ng'akyali wala, kitaawe n'amulengera, n'amusaasira, n'addukana mbiro, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera nnyo.
- 21 Oyo omwana n'amugamba nti Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu maaso go; sikyasaana kuyitibwa mwana wo.
- 22 Naye kitaawe n'agamba abaddu be nti Mugende muleete mangu olugoye olusinga zonna, mulumwambaze: mumunaanike empeta ku ngalo, n'engatto mu bigere bye:
- 23 muleete n'ennyana eya ssava, mugitte, tulye, tusanyuke;
- 24 kubanga omwana wange ono yali afudde, azuukidde; yali azaaye, azaawuse. Ne batandika okusanyuka.
- 25 Naye omwana we omukulu yali mu kyalo; bwe yajja ng'anaatera okutuuka ku nnyumba, n'awulira eoma n'amazina.
- 26 Ku baddu n'ayitako omu, n'amubuuza ebyo bwe bibadde.
- 27 N'amugamba nti Muganda wo azze: ne kitaawo amuttidde ennyana eya ssava kubanga amuzaawudde nga mulamu:
- 28 Naye n'asunguwala, n'atayagala kuyingira: kitaawe n'afuluma n'amwegayirira.
- 29 Naye ye n'addamu n'agamba kitaawe nti Laba, emyaka gino mingi nga nkuweereza, so sikusobyanga n'akatono ky'ondagidde; nange ennaku zonna tompanga na kabuzi ka kusanyuka ne mikwano gyange;
- 30 naye omwana wo oyo, eyalya eby'obulamu bwo wamu n'abenzi, bw'azze, ng'omuttira ennyana eya ssava.
- 31 Ye n'amugamba nti Mwana wange, ggwe bulijjo ng'oli wamu nange, era byonna ebyange bye bibyo.
- 32 Naye okujaguza n'okusanyuka kwa nsonga: kubanga muganda wo oyo yali afudde, azuukidde; era yali azaaye, azaawuse.

Essuula 16

- 1 Awo n'agamba abayigirizwa be nabo nti Waaliwo omuntu omugagga eyalina omuwanika we; oyo ne bamuloopa gy'ali ng'asaasaanya ebintu bye.
- 2 N'amuyita n'amugamba nti Kiki kino kye mpulira ku ggwe? bala omuwendo ogw'obuwanika bwo; kubanga toyinza nate kubeera muwanika.
- 3 Oyo omuwanika n'ayogera munda mu ye nti Nnaakola ntya, kubanga mukama wange anziyako obuwanika bwange? sirina galima; n'okusabiriza nkwatibwa ensonyi.

- 4 Mmanyi kye nnaakola, bwe nnaagobebwa mu buwanika, bansembeze mu nnyumba zaabwe.
- 5 N'ayita buli alina ebbanja lya mukama we, n'agamba ow'olubereberye nti Mukama wange akubanja ki?
- 6 N'agamba nti Ebigera by'amafuta kikumi. N'amugamba nti Twala ebbaluwa yo, otuule mangu owandiike amakumi ataano.
- 7 Ate n'agamba omulala nti Naawe obanjibwa ki? N'agamba nti Emitwalo gy'eaano kikumi. N'amugamba nti Twala ebbaluwa yo, owandiike kinaana.
- 8 Awo mukama we n'atendereza oyo omuwanika omulyazaamaanyi kubanga akoze bya magezi: kubanga abaana ab'ebiro bino bagezigezi mu mirembe gyabwe okusinga abaana b'omusana.
- 9 Nange mbagamba nti Mwekwanirenga emikwano mu mamona atali mutuukirivu; bw'aliggwaawo, babasembeze mu weema ziri ezitagwaawo.
- 10 Aba omwesigwa ku kintu ekitono ennyo, ne ku kinene aba mwesigwa: era aba omulyazaamaanyi ku kintu ekitono ennyo, ne ku kinene aba mulyazaamaanyi.
- 11 Kale bwe mutaabenga beesigwa ku mamona atali mutuukirivu, ani alibateresa obugagga obw'amazima?
- 12 Era bwe mutaabenga beesigwa ku ekyo ekya beene, ekyammwe ani alikibawa?
- 13 Tewali muweereza ayinza okuweereza abaami ababiri; kubanga oba alikyawako omu n'ayagala omulala; oba alinywerera ku omu n'anyooma omutala. Temuyinza kuweerezanga Katonda ne mamona.
- 14 N'Abafalisaayo, abaali abaagazi b'effeeza, ne bawulira ebyo byonna; ne bamusekerera.
- 15 N'abagamba nti Mmwe muumwo abeefuula abatuukirivu mu maaso g'abantu; naye Katonda amanyi emitima gyammwe; kubanga ekigulumizibwa mu bantu kya muzizo mu maaso ga Katonda.
- 16 Amateeka ne bannabbi byabaawo okutuuka ku Yokaana: okuva olwo enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ebuulirwa, era buli muntu abuyingiramu lwa maanyi.
- 17 Naye kyangu eggulu n'ensi okuggwaawo, okusinga ennukuta emu ey'amateeka okuggwaawo.
- 18 Buli muntu yenna anaagobanga mukazi we n'awasa omulala, ng'ayenze; n'oyo anaawasanga eyagobebwa bba ng'ayenze.
- 19 Awo waaliwo omuntu omugagga eyayambalanga olugoye olw'effulungu ne bafuta ennungi, ng'asanyukanga bulijjo mu kwesiima:
- 20 era waaliwo n'omwavu erinnya lye Laazaalo eyagalamizibwanga ku mulyango gwe, eyali awummusewummuse amabwa,
- 21 nga yeegomba okukkuta ebyagwanga okuva ku mmeza y'omugagga; era embwa nazo zajjanga ne zimukombereranga amabwa ge.
- 22 Awo olwatuuka omwavu n'afa, n'asitulibwa bamalayika nassibwa mu kifuba kya Ibulayimu. N'omugagga n'afa, n'aziikibwa.
- 23 N'ayimusiza amaaso ge mu Magombe ng'ali mu kulumizibwa, n'alengera Ibulayimu wala, ne Laazaalo ng'ali mu kifuba kye.
- 24 N'ayogerera waggulu n'agamba nti Kitange Ibulayimu, nsaasira, otume Laazaalo, annyike ensonda y'olunwe lwe mu mazzi, ampozeewoze olulimi lwange; kubanga nnumwa mu muliro guno.
- 25 Naye Ibulayimu n'amugamba nti Mwana wange, jjukira nga waweebwanga ebirungi byo mu bulamu bwo, era ne Laazaalo bw'atyo ebibi; naye kaakano ye asanyusibwa, ggwe olumwa.
- 26 Era ku ebyo byonna, wakati waffe nammwe waliwo olukonko oluwanvu olwateekebawo, abaagala okuva eno okujja gye muli balemenga okuyinza, era balemenga okuva

eyo okuyitawo okujja gye tuli.

- 27 N'agamba nti Kale, nkwegayiridde, kitange, omutume mu nnyumba ya kitange;
- 28 kubanga nnina ab'oluganda bataano; abategeeze baleme okujja nabo mu kifo kino ekirimu okuluma.
- 29 Naye Ibulayimu n'agamba nti Balina Musa ne bannabbi; babawulirenga abo.
- 30 N'agamba nti Nedda, kitange Ibulayimu; naye omu ku bafu bw'aligenda gye bali balyenenya.
- 31 N'amugamba nti Nga bwe batawulira Musa ne bannabbi, era newakubadde omu ku bafu bw'alizuukira, talibakkirizisa.

Essuula 17

- 1 N'agamba abayigirizwa be nti Tekiyinzika ebisittaza obutajja; naye zimusanze oyo abireeta!
- 2 Waakiri oyo okusibwa olubengo mu bulago bwe, okusuulibwa mu nnyanja, okusinga okusittaza omu ku abo abato.
- 3 Mwekuumenga: muganda wo bw'ayoononanga, omubuuliriranga; bwe yeenenyanga, omusonyiwanga.
- 4 Era bw'akwonoonanga emirundi omusanvu ku lunaku olumu, era emirundi omusanvu n'akukyukira ng'agamba nti Nneenenyezza; omusonyiwanga.
- 5 Abatume ne bagamba Mukama waffe nti Otwongereko okukkiriza.
- 6 Mukama waffe n'agamba nti Singa mulina okukkiriza okutono ng'akaweke ka kaladaali, mwandigambye omusikamiini guno nti Siguka osimbibwe mu nnyanja; era gwandibawulidde.
- 7 Naye ani ku mmwe, alina omuddu ng'alima oba ng'alunda endiga, bw'ayingira ng'ava mu lusuku, alimugamba nti Jjangu mangu ago otuule olye;
- 8 naye atamugamba nti Jjula emmere ndye, weesibe, ompeereze, mmale okulya n'okunywa; naawe olyoke olye era onywe?
- 9 Amwebaza omuddu oyo olw'okukola by'alagiddwa?
- 10 Era nammwe bwe mutyo, bwe mumalanga okukola byonna bye mwalagirwa, mugambenga nti Ffe tuli baddu abatasaana; ebyatugwanira okukola bye tukoze.
- 11 Awo olwatuuka bwe baali mu kkubo nga bagenda e Yerusalemi yali ng'ayita wakati wa Samaliya ne Ggaliraaya.
- 12 Awo bwe yayingira mu mbuga emu ne bamusisinkana abantu kkumi abagenge, abaayimirira ewala;
- 13 ne boogerera waggulu ne bagamba nti Yesu, Mukama waffe, otusaasire.
- 14 Bwe yabalaba n'abagamba nti Mugende mwerage eri bakabona. Awo olwatuuka bwe baali nga bagenda ne balongoosebwa.
- 15 Awo omu ku bo, bwe yalaba ng'awonye, n'akomawo n'atendereza Katonda n'eddo-boozi ddene;
- 16 n'avuunama awali ebigere bye, ng'amwebaza: era oyo yali Musamaliya.
- 17 Yesu n'addamu nagamba nti Ekkumi bonna tebalongoosebbwa? naye bali omwenda bali ludda wa?
- 18 Tebalabise abakomawo okutendereza Katonda, wabula omugenyi ono?
- 19 N'amugamba nti Yimuka, ogende: okukkiriza kwo kukuwonyezza.
- 20 Bwe yabuuzibwa Abafalisaayo nti Obwakabaka bwa Katonda bujja ddi? n'abaddamu n'agamba nti Obwakabaka bwa Katonda tebuja nga bweyolese:
- 21 so tebaligamba nti Laba, buli wano! Oba nti Buli wali! Kubanga, laba, obwakabaka bwa Katonda buli munda yammwe!
- 22 N'agamba abayigirizwa be nti Ennaku zigenda okujja lwe mulyegomba okulaba

olumu ku nnaku z'Omwana w'omuntu, so temulirulaba.

- 23 Kale balibagamba nti Laba, wali! Laba, wano! temugendanga, so temugobereranga;
- 24 kubanga okumyansa bwe kumyansiza ku luuyi olumu olw'eggulu, nga bwe kumasamasiza ne ku luuyi olulala olw'eggulu, bw'atyo Omwana w'omuntu bw'aliba ku lunaku lwe.
- 25 Naye okusooka kimugwanira okubonyaabonyezebwa ebingi n'okugaanibwa ab'emirembe gino.
- 26 Era nga bwe byali mu nnaku za Nuuwa, bwe bityo bwe biriba ne mu nnaku z'Omwana, w'omuntu.
- 27 Baali nga balya, nga banywa, nga bawasa, nga bawayira, okutuuka ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato, amataba ne gajja, ne gabazikiriza bonna.
- 28 Era nga bwe byali mu nnaku za Lutti; baali nga balya, nga banywa, nga bagula nga batunda, nga basiga, nga bazimba;
- 29 naye ku lunaku luli Lutti lwe yava mu Sodomu, omuliro n'ekibiriiti ne bitonnya okuva mu ggulu ne bibazikiriza bonna:
- 30 bwe bityo bwe biriba ku lunaku Omwana w'omuntu lw'alibikkulibwa.
- 31 Ku lunaku olwo, alibeera waggulu ku nnyumba, n'ebintu bye nga biri mu nnyumba, takkanga kubiggyamu; n'ali mu lusuku bw'atyo taddanga nnyuma.
- 32 Mujjukire mukazi wa Lutti.
- 33 Buli anoonya okulokola obulamu bwe alibubuza; naye buli abubuza alibuwonya.
- 34 Mbagamba nti Mu kiro ekyo babiri baliba ku kitanda kimu; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa.
- 35 Abakazi babiri baliba nga baseera wamu; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa.
- 36 Ababiri baliba mu lusuku; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa.
- 37 Ne baddamu ne bamugamba nti Wa, Mukama waffe? N'abagamba nti Awaba omulambo eyo n'ensega we zirikuaanira.

Essuula 18

- 1 N'abagerera olugero bwe kibagwanira okusabanga bulijjo, obutakoowanga;
- 2 n'agamba nti Waaliwo omulamuzi mu kibuga kimu, ataaty Katonda, era nga tasamu muntu kitiibwa;
- 3 era waaliwo nnamwandu mu kibuga ekyo; n'ajjanga w'ali ng'agamba nti Nnamula n'omulabe wange.
- 4 N'atasooka kukkiriza; naye oluvannyuma n'ayogera munda mu ye nti Newakubadde nga sitya Katonda, era nga sissamu muntu kitiibwa;
- 5 naye olw'okunteganya nnamwandu ono kw'anteganya nnamulamula, aleme okuntegezza ng'ajja olutata.
- 6 Mukama waffe n'agamba nti Muwulire omulamuzi oyo atali mutuukirivu ky'agamba.
- 7 Kale ne Katonda taliramula balondebe abamukaabirira emisana n'ekiro, ng'akyagumikiriza?
- 8 Mbagamba nti Alibalamula mangu. Naye Omwana w'omuntu bw'alijja, aliraba okukkiriza ku nsi?
- 9 N'abalala abaali beerwooza ku bwabwe okuba abatuukirivu nga banyooma abalala bonna, n'abagamba olugero luno, nti
- 10 Abantu babiri baalinnya mu yeekaalu okusaba, omu Mufalisaayo, omulala muwooza.
- 11 Omufalisaayo n'ayimirira n'asaba yekka ebigambo bino nti Ai Katonda, nkwebaza kubanga siri nga bantu balala bonna, abanyazi, abalyazaamaanyi, abenzi, newakubadde ng'ono omuwooza.
- 12 Nsiiba emirundi ebiri mu ssabbiiti; mpaayo ekitundu eky'ekkumi ku byonna bye

nfuna.

- 13 Naye omuwoosa n'ayimirira wala, n'atayagala na kuyimusa maaso ge mu ggulu, naye ne yeekuba mu kifuba ng'agamba nti Ai Katonda, onsaasire nze alina ebibi.
- 14 Mbagamba nti Oyo yakka okuddayo mu nnyumba ye ng'aweereddwa obutuukirivu okusinga oli; kubanga buli eyeegulumiza alitoowazibwa; n'oyo eyeetoowaza aliguluzibwa.
- 15 Awo ne baleeta n'abaana abato w'ali, okubakomako: naye abayigirizwa bwe baabalaba, ne bababoggolera.
- 16 Naye Yesu n'abayita ng'agamba nti Muleke abaana abato bajje gye ndi, temubagaana: kubanga abali ng'abo obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe.
- 17 Mazima mbagamba nti Buli atakkirizenga bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono.
- 18 N'omuntu omukulu omu n'amubuuza ng'agamba nti Omuyigiriza omulungi, nkole ki okusikira obulamu obutaggwaawo?
- 19 Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.
- 20 Amateeka ogamanyi nti Toyendanga, Tottanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko.
- 21 N'agamba nti Ebyo byonna nnabikwatanga okuva mu buto bwange.
- 22 Yesu bwe yawulira n'amugamba nti Okyaweebuuseeko kimu; tunda by'oli nabyo byonna, obigabire abaavu, kale oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje ongoberere.
- 23 Naye bwe yawulira ebyo n'anakuwala nnyo; kubanga yali mugagga nnyo.
- 24 Awo Yesu bwe yamulaba n'agamba nti Nga kizibu abalina obugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!
- 25 Kubanga kyangu eamira okuyita mu nnyindo y'empiso, okusinga omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
- 26 Abaawulira ne bagamba nti Kale ani ayinza okulokoka?
- 27 Naye n'agamba nti Ebitayinzika eri abantu biyinzika eri Katonda.
- 28 Peetero n'agamba nti Laba, ffe twaleka ebyaffe ne tukugoberera.
- 29 N'abagamba nti Mazima mbagamba nti Tewali muntu eyaleka ennyumba, oba mukazi, oba ba luganda, oba bazadde, oba baana, olw'obwakabaka bwa Katonda,
- 30 ataweebwa nate emirundi mingi mu biro bino, ne mu biro ebigenda okujja obulamu obutaggwaawo.
- 31 N'atwala abo ekkumi n'ababiri n'abagamba nti Laba, tulinnya e Yerusaalemi, n'ebyo byonna ebyawandiikibwa bannabbi birituukirira ku Mwana w'omuntu.
- 32 Kubanga aliweebwayo mu b'amawanga, aliduulirwa, aligirirwa ekyejo, aliwandirwa amalusu:
- 33 balimukuba enkoba, balimutta; era ku lunaku olw'okusatu alizuukira.
- 34 Nabo ne batategeerawo ku ebyo n'ekimu; n'ekigambo ekyo kyali kibakwekeddwa, ne batategeera ebyayogerwa.
- 35 Awo olwatuuka bwe yali ng'anaatera okutuuka e Yeriko, omuzibe w'amaaso yali ng'atudde ku kkubo ng'asabiriza;
- 36 awo bwe yawulira ekibiina nga kiyita, n'abuuzwa nti kiki ekyo:
- 37 Ne bamubuulira nti Yesu Omunazaaleesi ayita.
- 38 N'ayogerera waggulu ng'agamba nti Yesu, omwana wa Dawudi, onsassire.
- 39 N'abo abaali bakulembedde ne bamuboggolera okusirika; naye ye ne yeeyongerwa nnyo okwogerera waggulu nti Ggwe omwana wa Dawudi, onsaasire.
- 40 Yesu n'ayimirira, n'alagira okumuleeta w'ali; awo bwe yasembera okumpi, n'amubuuzwa nti
- 41 Oyagala nkukolere ki? N'agamba nti Mukama wange, njagala okuzibula.

- 42 Yesu n'amugamba nti Zibula: okukkiriza kwo kukulokodde.
- 43 Amangu ago n'azibula, n'amugoberera ng'agulumiza Katonda: n'abantu bonna bwe baalaba ne batendereza Katonda.

Essuula 19

- 1 Nayingira mu Yeriko n'aba ng'agiyitamu.
- 2 Kale, laba, waaliwo omuntu eyali ayitibwa erinnya lye Zaakayo, naye yali mukulu w'ebawooza, era nga mugagga.
- 3 N'asala amagezi okulaba Yesu bw'ali; n'atayinza olw'ekibiina, kubanga ekigera kye yali mumpi.
- 4 N'adduka n'akulemba, n'alinnya ku muti omusukomooli amulabe: kubanga yali agenda kuyita mu kkubo eryo.
- 5 Awo Yesu bwe yatuuka mu kifo w'ali, n'atunula waggulu, n'amugamba nti Zaakayo, kka mangu; kubanga leero kiwaaidde okutuula mu nnyumba yo.
- 6 N'akka mangu, n'amwaniriza ng'asanyuka.
- 7 Bwe baalaba, ne bamwemulugunyiza bonna, nga bagamba nti Ayingidde okusula omw'omuntu alina ebibi.
- 8 Zaakayo n'ayimirira n'agamba Mukama waffe nti Laba, Mukama wange, ekitundu ky'ebintu byange mbawa abaavu; oba nga nnalyazaamaanya omuntu yenna ekintu kye, mmuliyira emirundi ena.
- 9 Yesu n'amugamba nti Leero okulokolebwa kuzze mu nnyumba muno, kubanga naye mwana wa Ibulayimu.
- 10 Kubanga Omwana w'omuntu yajja okunoonya n'okulokola ekyo ekyabula.
- 11 Awo bwe baawulira ebyo ne yeeyongerera n'agera olugero, kubanga yali kumpi ne Yersaalemi, era kubanga baali balowooza ng'obwakabaka bwa Katonda bugenda kulabika mangu ago.
- 12 Kyeyava agamba nti Waaliwo omuntu omukulu eyagenda mu nsi y'ewala, okulya obwakabaka alyoke akomewo.
- 13 N'ayita abaddu be kkumi, n'abawa ensimbi ebikumi bibiri, n'abagamba nti Musu-ubuzenga okutuusa we ndijjira.
- 14 Naye basajja be ne bamukyawa, ne batuma ababaka ennyuma we, nga bagamba nti Tetwagala oyo kutufuga.
- 15 Awo olwatuuka bwe yakomawo ng'amaze okulya obwakabaka, n'alagira okuyita abaddu abo be yawa effeeza, alyoke amanye amagoba ge baasuubula.
- 16 Ow'olubereberye n'ajja n'agamba nti Mukama wange, ensimbi zo amakumi abiri gaagobamu ensimbi bibiri.
- 17 N'amugamba nti Weebale, omuddu omulungi: kubanga wali mwesigwa ku kintu ekitono ennyo, kale ba n'obuyinza ku bibuga kkumi.
- 18 N'ajja ow'okubiri ng'agamba nti Mukama wange, ensimbi zo abiri zaagobamu ensimbi kikumi.
- 19 N'oyo n'amugamba nti Naawe ba ku bibuga bitaano.
- 20 N'omulala n'ajja n'agamba nti Mukama wange, laba, ensimbi zo zino abiri nnazitereka nga zisibiddwa mu kiwero:
- 21 kubanga nnakutya kubanga oli munti mukakanyavu: olonda ky'otaateekawo, okungula ky'otaasiga.
- 22 N'amugamba nti Akamwa ko kanaakunsaliza omusango, ggwe omuntu omubi. Wali omanyi nga nze ndi muntu mukakanyavu, nga nnonda kye ssaateekawo, nga nkungula kye ssaasiga;
- 23 kale kiki ekyakulobera okuwa ensimbi zange abasuubuzi nange bwe nnandizze

nnandizitutte n'amagoba gaazo?

- 24 N'agamba abaali bayimiridde awo nti Mumuggyeeko ensimbi ze, muziwe oyo alina ensimbi ebikumi ebibiri
- 25 Ne bamugamba nti Mukama waffe, alina ensimbi ebikumi bibiri.
- 26 Mbagamba nti Buli alina aliweebwa; naye oyo atalina, era ekyo ky'ali nakyo, kirimuggibwako.
- 27 Naye abo abalabe bange abatayagala nze kubafuga, mubaleete wano mubattire mu maaso gange.
- 28 Awo bwe yamala okwojera ebyo n'akulembera n'alinye e Yerusaalemi.
- 29 Awo olwatuuka bwe yali ng'anaatera okutuuka e Besufaage n'e Bessaniya, ku lusozi oluyitibwa olwa Zeyituuni, n'atuma ku bayigirizwa be babiri,
- 30 ng'agamba nti Mugende mu mbuga eri mu maaso gammwe; bwe munaayingira omwo munaalaba omwana gw'endogoyi nga gusibiddwa oguteebagalwangako muntu: mugusumulule muguleete
- 31 Era omuntu bw'ababuza nti Mugusumululira ki? mugambe bwe mutyo nti Mukama waffe ye agwetaaga.
- 32 N'abo abaatumbwa ne bagenda, ne balaba nga bw'abagambye.
- 33 Awo bwe baali nga basumulula omwana gw'endogoyi bannannyini gwo ne babagamba nti Musumululira ki omwana gw'endogoyi ogwo?
- 34 Ne bagamba nti Mukama waffe ye agwetaaga.
- 35 Ne baguleeta eri Yesu: ne baaliira engoye zaabwe ku mwana gw'endogoyi, ne beebagazaako Yesu.
- 36 Awo yali ng'agenda ne baaliira engoye zaabwe mu luguudo.
- 37 Awo bwe yali ng'anaatera okutuuka mu kikko ky'olusozi olwa Zeyituuni, ekibiina kyonna eky'abayigirizwa ne batanula okusanyuka n'okutendereza Katonda n'eddo-boozi ddene olw'eby'amagero byonna bye baalaba;
- 38 nga bagamba nti Aweereddwa omukisa Kabaka ajjira mu linnya lya Mukama: emirembe mu ggulu, n'ekitiibwa waggulu ennyo.
- 39 Abafalisaayo abamu ab'omu kibiina ne bamugamba nti Omuyigiriza, koma ku bayigirizwa bo.
- 40 N'addamu n'abagamba nti Mbagamba nti Abo bwe banaasirika, amayinja ganaayogera waggulu.
- 41 Awo bwe yasembera okumpi, n'alaba ekibuga n'akikaabira,
- 42 ng'agamba nti Singa omanyi ku lunaku luno, ggwe, ebigambo eby'emirembe! naye kaakano bikwekeddwa amaaso go.
- 43 Kubanga ennaku zirikujjira, abalabe bo lwe balikuzimbako ekigo, balikwetooloola, balikuzingiza enjuyi zonna,
- 44 balikusuula wansi, n'abaana bo abali mu nda yo; so tebalikulekamu jjinja eriri kungulu ku jjinja; kubanga tewamanya biro bya kukyalirwa kwo.
- 45 N'ayingira mu yeekaalu, n'asooka okugobamu abaali batunda
- 46 ng'abagamba nti Kyawandiikibwa nti Era ennyumba yange eneebanga nnyumba ya kusabirangamu: naye mmwe mugifudde mpuku ya banyazi.
- 47 Awo n'ayigirizanga mu yeekaalu buli lunaku. Naye bakabona abakulu n'abawandiisi n'abakulu b'abantu ne basala amagezi okumuzikiriza:
- 48 ne batalaba kye banaakola; kubanga abantu bonna baamussaako nnyo omwoyo nga bamuwulira.

Essuula 20

- 1 Awo olwatuuka ku lunaku lumu ku ezo, yali ng'ayigiriza abantu mu yeekaalu,

- ng'abuulira enjiri, bakabona abakulu n'abawandiisi wamu n'abakadde ne bamujjira;
- 2 ne boogera nga bamugamba nti Tubuulire; buyinza ki obukukoza bino? Oba ani eyakuwa obuyinza obwo?
 - 3 N'addamu n'abagamba nti Nange ka mbabuuze ekigambo kimu; mumbulire:
 - 4 okubatiza kwa Yokaana kwava mu ggulu nantiki mu bantu?
 - 5 Ne bateesa bokka na bokka, nga bagamba nti Bwe tunaagamba Kwava mu ggulu; anaagamba nti Kiki ekyabalobera okumukkiriza?
 - 6 Naye bwe tunaagamba ati Kwava mu bantu; abantu bonna banaatukuba amayinja: kubanga bakkiriza ddala Yokaana okuba nnabbi.
 - 7 Ne baddamu nti tebamanyi gye kwava.
 - 8 Yesu n'abagamba nti Kale nange siibabuulire mmwe buyinza obunkoza bino gye bwava.
 - 9 N'asooka okubuulira abantu olugero luno nti Omuntu omu yasimba olusuku lw'emizabbibu, n'alusigira abalimi, n'agenda mu nsi endala n'alwayo.
 - 10 Awo mu biro by'omwaka abalimi n'abatunira omuddu, bamuwe ku bibala by'omulusuku lw'emizabbibu: naye abalimi ne bamukuba, ne bamusindika nga talina kintu.
 - 11 N'ayongerera okutuma omuddu omulala; n'oyo ne bamukuba, ne bamuswaza ne bamusindika nga talina kintu.
 - 12 N'ayongerera okutuma ow'okusatu: n'oyo naye ne bamufumita ne bamugoba.
 - 13 Oyo mukama w'olusuku lw'emizabbibu n'agamba nti Nnaakola ntya? Ka ntume omwana wange omwagalwa: mpozzi oyo balimussaamu ekitiibwa.
 - 14 Naye abalimi bwe baamulaba, ne bateesa bokka na bokka, nga bagamba nti Ono ye musika: tumutte, obusika bube bwaffe.
 - 15 Ne bamugoba mu lusuku lw'emizabbibu, ne bamutta. Kale alibakola atya mukama w'olusuku lw'emizabbibu?
 - 16 Alijja n'azikiriza abalimi abo, n'olusuku lw'emizabbibu aliruwa abalala. Bwe baawulira ebyo, ne bagamba nti Bireme okubaawo.
 - 17 Naye ye n'abatunuulira n'agamba nti Kale kiki kino ekyawandiikibwa nti Ejjinja abazimbi lye baagaana, Eryo lye lyafuuka omutwe ogw'oku nsonda?
 - 18 Buli agwa ku jjinja eryo alimenyekamenyeka; naye oyo gwe lirigwako, lirimufu-umuula ng'enfuufu.
 - 19 Awo abawandiisi ne bakabona abakulu ne basala amagezi okumussaako emikono mu kiseera ekyo; ne batya abantu; kubanga baategeera nti ku bo kw'ageredde olugero olwo.
 - 20 Ne bamulabirira, ne batuma abakessi nga beefuula abatuukirivu, balandukire ku bigambo bye, balyoke bamuweeyo eri okufuga okw'owessaza n'eri obuyinza bwe.
 - 21 Ne bamubuuza, nga bagamba nti Omuyigiriza, tumanyi ng'oyogera era ng'oyigiriza eby'amazima, so tososola mu bantu, naye oyigiriza mazima ekkubo lya Katonda:
 - 22 kirungi ffe okuwanga Kayisaali omusolo, nantiki si weewaawo?
 - 23 Naye n'ategeera obukuusa bwabwe, n'abagamba nti Mundage eddinaali.
 - 24 Ekifaananyi ekiriko n'obuwandiikeko by'ani? Bo ne bagamba nti Bya Kayisaali.
 - 25 N'abagamba nti Kale ebya Kayisaali mumusasulenga Kayisaali, n'ebya Katonda mumusasulenga Katonda.
 - 26 Ne batayinza kuggya nsonga mu kigambo ekyo mu maaso g'abantu, ne beewuunya ky'azzeemu, ne basirika.
 - 27 Abasaddukaayo abamu ne bajja gy'ali, abagamba nti tewali kuzuukira; ne bamubuuza,
 - 28 nga bagamba nti Omuyigiriza, Musa yatuwandiikira nti Muganda w'omuntu bw'afanga ng'alina omukazi, nga talina mwana, muganda we awase omukazi oyo addizeewo muganda we ezzadde.

- 29 Kale waaliwo ab'oluganda musanvu: ow'olubereberye n'awasa omukazi, n'afa nga talina mwana;
- 30 n'ow'okubiri;
- 31 n'ow'okusatu n'amuwasa; era bwe batyo bali omusanvu ne bafa, ne batalekaawo baana.
- 32 Oluvannyuma n'omukazi n'afa.
- 33 Kale mu kuzuukira aliba muka ani ku abo? kubanga bonna omusanvu baamuwasa.
- 34 Yesu n'abagamba nti Abaana b'ensi eno bawasa, bafumbizibwa:
- 35 naye bali abasaanyizibwa okutuuka mu nsi eyo ne mu kuzuukira okw'omu bafu, tebawasa, so tebafumbizibwa:
- 36 kubanga n'okufa tebayinza kufa nate: kubanga bali nga bamalayika; era be baana ba Katonda, nga bwe bali abaana b'okuzuukira.
- 37 Okumanya ng'abafu bazuukira, ne Musa yakiraga ku Kisaka bwe yamuyita Mukama Katonda wa Ibulayimu, era Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo.
- 38 Naye ye si Katonda wa bafu, naye wa balamu: kubanga bonna baba balamu ku bubwe.
- 39 Abawandiisi abamu ne baddamu, nga bagamba nti Omuyigiriza, oyogedde bulungi.
- 40 Kubanga tebaayaanga kumubuuza kigambo kyonna nate.
- 41 N'abagamba nti Boogera batya nga Kristo ye mwana wa Dawudi?
- 42 Kubanga Dawudi yennyini ayogera mu kitabo kya Zabbuli nti Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo,
- 43 Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebbe y'ebigere byo.
- 44 Dawudi amuyita Mukama we, kale mwana we atya?
- 45 Awo abantu bonna bwe baali nga bamuwulira, n'agamba abayigirizwa be nti
- 46 Mwekuumenga abawandiisi; abaagala okutambuliranga mu ngoye empanvu, abaagala okulamusibwanga mu butale, n'entebe ez'oku mwanjo mu makuaanero, n'ebifo eby'ekitiibwa ku mbaga;
- 47 abanyaga ennyumba za bannamwandu, abasaba ennyo mu bunnanfuusi: abo balisalirwa omusango ogusinga obunene.

Essuula 21

- 1 Awo n'ayimusa amaaso, n'alaba abagagga abaali basuula ebirabo byabwe mu ggwanika.
- 2 N'alaba nnamwandu omu omwavu ng'asuula omwo ebitundu by'eppeesa bibiri.
- 3 N'agamba nti Mazima mbagamba nti Nnamwandu ono omwavu asuddemu bingi okusinga bonna:
- 4 kubanga abo bonna basuddemu ku bibafikkiridde mu birabo: naye oyo mu kwetaaga kwe asuddemu byonna by'ali nabyo, bwe bulamu bwe bwonna.
- 5 Era abamu bwe baali boogera ku yeekaalu, bwe yayonjebwa n'amayinja amalungi n'ebiweebwayo, n'agamba nti
- 6 Bino bye mulaba, ennaku zigenda kujja, lwe watalirekebwa jjinja eriri ku jjinja wano eritalisuulibwa.
- 7 Ne bamubuuza nga bagamba nti Omuyigiriza, kale ebyo biribaawo ddi? Kabonero ki akalibaawo ebyo bwe biriba nga bigenda okubaawo?
- 8 N'agamba nti Mutunule muleme okukyemizibwa; kubanga bangi abalijja n'erinnya lyange, nga boogera nti Nze nzuuno; era nti Obudde bunaatera okutuuka: temubagob-ereranga.
- 9 Era bwe muwuliranga entalo n'ebikankano, temwekanga: kubanga ebyo kibigwanira okusooka okujja; naye enkomerero terituuka mangu ago.

- 10 N'alyoka abagamba nti Eggwanga lirirumba eggwanga, n'obwakabaka bulirumba obwakabaka;
- 11 walibaawo n'ebikankano ebinene, ne mu bifo ebirala enjala ne kawumpuli; walibaawo n'ebitiisa n'obubonero obunene obuva mu ggulu.
- 12 Naye ebyo byonna nga tebinnabaawo, balibassaako emikono, balibayigganya, nga babawaayo mu makuaanero ne mu makomera nga babatwala eri bakabaka n'abaa-masaza olw'erinnya lyange.
- 13 Kiriba mujulirwa gye muli.
- 14 Kale mukiteeke mu mitima gyammwe, obutasookanga kulowooza bye muliddamu:
- 15 kubanga nze ndibawa akamwa n'amagezi, abalabe bammwe bonna bye bataliyyinza kuwakana nabyo newakubadde okubigaana.
- 16 Naye muliweebwayo abazadde bammwe, n'ab'oluganda, n'ab'ekika, n'ab'omukwano; n'abamu ku mmwe balibassa.
- 17 Nammwe mulikyayibwa bonna olw'erinnya lyange.
- 18 N'oluviri olw'oku mitwe gyammwe terulibula n'akatono.
- 19 Mu kugumiikiriza kwammwe mulifuna obulamu bwammwe.
- 20 Naye bwe muliraba Yerusaalemi nga kyetooloddwa eggye, ne mulyoka mutegeera nti okuzikirira kwakyo kunaatera okutuuka.
- 21 Mu biro ebyo ababanga mu Buyudaaya baddukiranga ku nsozi; n'ababanga wakati mu kyo bakifulumangamu; n'ababanga mu byalo tebakiyingirangamu.
- 22 Kubanga ezo ze nnaku ez'okuwalana eggwanga, ebyawandiikibwa byonna biryoke bituukirire.
- 23 Ziribasanga abaliba n'embuto n'abayonsa mu nnaku ezo! kubanga waliba okulaba ennaku ennyingi ku nsi n'obusungu eri abantu abo.
- 24 Balittibwa n'obwogi bw'ekitala, balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna; ne Yerusaalemi kiririnyirirwa ab'amawanga okutuusa ebiro by'ab'amawanga lwe biri-tuukirira.
- 25 Era walibaawo n'obubonero ku njuba ne ku mwezi ne ku mmunyeenye; ne ku nsi amawanga galinakuwala, nga basamaalirira olw'okuwuuma kw'ennyanya n'amayengo;
- 26 abantu nga bazirika olw'entiisa n'olw'okutunuulira ebyo ebijja ku nsi: kubanga amaanyi ag'omu ggulu galikankanyizibwa.
- 27 Ne balyoka balaba Omwana w'omuntu ng'ajjira mu kire n'amaanyi n'ekitiibwa kinene.
- 28 Naye ebighambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo mutunulanga waggulu, muyimu-sanga emitwe gyammwe: kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka.
- 29 N'abagamba olugero; nti Mulabe omutiini n'emiti gyonna;
- 30 kale bwe gitojjera, mulaba ne mutegeera mwekka, nti kaakano okukungula kuli kumpi.
- 31 Era nammwe bwe mutyo, bwe mulabanga ebyo nga bibaawo mumanyanga, nti obwak-abaka bwa Katonda buli kumpi:
- 32 Mazima mbagamba nti Emirembe gino tegiriggwaawo n'akatono okutuusa ebyo byonna lwe biribaawo.
- 33 Eggulu n'ensi biriggwaawo; naye ebighambo byange tebiriggwaawo n'akatono.
- 34 Naye mwekuumenga emitima gyammwe gireme okuzitoowererwanga olw'obuluvu n'okutamiiranga n'okweraliikiriranga eby'obulamu buno, era olunaku luli luleme okubatuukako ng'ekyambika;
- 35 kubanga bwe lutyo bwe lulituuka ku bonna abali ku nsi yonna.
- 36 Naye mutunulenga mu biro byonna musabenga musobole okudduka ebyo byonna ebigenda okubaawo n'okuyimirira mu maaso g'Omwana w'omuntu.

- 37 Awo buli lunaku yayigirizanga mu yeekaalu; bwe bwazibanga n’afuluma n’asula ku lusozi oluyitibwa olwa Zeyituuni.
- 38 Abantu bonna ne bakeeranga enkya okugenda gy’ali mu yeekaalu okumuwulira.

Essuula 22

- 1 Awo embaga ey’emigaati egitazimbulukuswa eyitibwa Okuyitako yali enaatera okutuuka.
- 2 Bakabona abakulu n’abawandiisi ne basala amagezi bwe banaamutta; kubanga baali batya abantu.
- 3 Awo Setaani n’ayingira mu Yuda ayitibwa Isukalyoti eyali ku muwendo gw’abo ekkumi n’ababiri.
- 4 N’agenda, n’ateesa ne bakabona abakulu n’abaami ba sserikale bw’anaamuwaayo gye bali.
- 5 Ne basanyuka ne balagaana okumuwa effeeza.
- 6 N’akkiriza n’anoonya ebbanga mw’anaamuweerayo gye bali awatali kibiina.
- 7 Awo olunaku olw’emigaati egitazimbulukuswa ne lutuuka, olugwanidde okusalirwako Okuyitako.
- 8 N’atuma Peetero ne Yokaana ng’agamba nti Mugende mututegekere Okuyitako tugirye.
- 9 Ne bamugamba nti Oyagala tugitegekere wa?
- 10 N’abagamba nti Laba, bwe munaaba musingidde mu kibuga munaasisinkana omuntu anaasisinkana nammwe eyeetisse ensuwa y’amazzi; mumugoberere mu nnyumba mw’anaayingira.
- 11 Munaagamba nnyini nnyumba nti Omuyigiriza akugambye nti Ennyumba y’abagenyi eruwa, mwe nnaaliira Okuyitako awamu n’abayigirizwa bange?
- 12 Era oyo anaabalaga ennyumba ennene eya waggulu etimbiddwa: mutegekere omwo.
- 13 Ne bagenda, ne balaba nga bw’abagambye: ne bategeka Okuyitako.
- 14 Awo ekiseera bwe kyatuuka, n’atuula ku mmere, n’abatume awamu naye.
- 15 N’abagamba nti Nneegombye nnyo okuliira awamu nammwe Okuyitako kuno nga sinnabonyaabonyezebwa:
- 16 kubanga mbagamba nti Sirikulya n’akatono, okutuusa lwe kulituukirira mu bwakabaka bwa Katonda.
- 17 N’addirira ekikompe, ne yeebaza n’agamba nti Mutoole kino mugabane mwekka na mwekka:
- 18 kubanga mbagamba nti Sirinywa okusooka kaakano bibala ku muzabbibu, okutuusa obwakabaka bwa Katonda lwe bulijja.
- 19 N’addirira omugaati ne yeebaza, n’agumenyamu, n’abawa ng’agamba nti Guno gwe mubiri gwange oguweebwayo ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo okunjukiranga nze.
- 20 Era n’ekikompe bw’atyo bwe baamala okulya; ng’agamba nti Ekikompe kino ye ndagaano empya mu musaayi gwange, oguyiika ku lwammwe.
- 21 Naye, laba, omukono gw’oyo andyamu olukwe guli wamu nange ku mmeza.
- 22 Kubanga Omwana w’omuntu okugenda agenda, nga bwe kyalagirwa: naye zimusanze omuntu oyo amulyamu olukwe!
- 23 Ne batanula okwebuuzaganya bokka na bokka nti anaaba ani ku bo agenda okukola ekyo.
- 24 Ne wabaawo n’empaka mu bo, nti ani ku bo alowoozebwa okuba omukulu.
- 25 N’abagamba nti Bakabaka b’ab’amawanga babafuga; n’abo abalina obuyinza ku bo bayitibwa abakola obultmgi.

- 26 Naye mmwe si bwe mutyo; naye omukulu mu mmwe abeere ng'omuto; n'oyo akulembera, abe ng'aweereza.
- 27 Kubanga omukulu ani, atuula ku mmere, oba aweereza? si oyo atuula ku mmere? Naye nze wakati mu mmwe nninga aweereza.
- 28 Naye mmwe muumuno abaagumiikirizanga awamu nange mu kukemebwa kwange;
- 29 nange mbaterekera obwakabaka, nga Kitange bwe yanterekera nze,
- 30 mulyoke mulye era munywere ku mmeeza yange mu bwakabaka bwange; era mulitu-
ula ku ntebe ez'ekitiibwa, nga musalira emisango ebika ekkumi n'ebibiri eby'Abaisir-
aeri.
- 31 Simooni, Simooni, laba, Setaani yeegayiridde okubawewa mmwe ng'eaano:
- 32 naye nze nkusabidde, okukkiriza kwo kuleme okuddirira: naawe bw'omalanga okukyuka, onywezanga baganda bo.
- 33 N'amugamba nti Mukama wange, nneeteseteese okugenda naawe ne mu kkomera ne mu kufa.
- 34 N'agamba nti Nkubuulira ggwe, Peetero, enkoko leero teja kukookolima, nga tonnan-
neegaana emirundi esatu nti tommanyi.
- 35 N'abagamba nti Bwe nnabatuma nga temulina nsawo, newakubadde olukoba, newakubadde engatto, mwaliko kye mwetaaga? Ne bagamba nti Nedda.
- 36 N'abagamba nti Naye kaakano, alina ensawo, agitwale, n'ow'olukoba bw'atyo: naye atalina kitala atunde olugoye lwe akigule.
- 37 Kubanga mbagamba nti kino ekyawandiikibwa kigwanidde okutuukirizibwa ku nze nti Yabalarwa wamu n'abasobya: kubanga ekiwanira kirina okutuukirira.
- 38 Ne bagamba nti Mukama waffe, laba, ebitala bibiri biibino. N'abagamba nti Binaa-
mala.
- 39 N'afuluma n'agenda ku lusozi olwa Zeyituuni, ng'empisa ye bwe yali; n'abayigirizwa be nabo ne bamugoberera.
- 40 Awo bwe yatuuka mu kifo awo, n'abagamba nti Musabe muleme okuyingira mu kukemebwa.
- 41 Ye n'abaawukanako ebbanga ng'awakasukibwa ejjinja; n'afukamira n'asaba,
- 42 ng'agamba nti Kitange, bw'oyagala, nziyaako ekikompe kino: naye si nga nze bwe njagala, naye ky'oyagala ggwe kikolebwe.
- 43 Malayika n'amulabikira ng'ava mu ggulu ng'amussaamu amaanyi.
- 44 N'afuba ng'alumwa ne yeeyongerera okusaba ennyo: entuuyo ze ne ziba ng'amatondo g'omusaayi, nga gatonna wansi.
- 45 Bwe yagolokoka mu kusaba, n'ajja eri abayigirizwa be, n'abasanga nga beebase olw'ennaku,
- 46 n'abagamba nti Ekibeebasizza ki? mugolokoke musabe, muleme okuyingira mu kukemebwa.
- 47 Yali akyayogera, laba, ekibiina n'oyo ayitibwa Yuda; omu ku abo ekkumi n'ababiri, ng'abakulembedde; n'asemberera Yesu okumunyegera.
- 48 Naye Yesu n'amugamba nti Yuda, Omwana w'omuntu omulyamu olukwe ng'omuny-
wegera?
- 49 N'abo be yali nabo bwe baalaba ekigenda okubaawo, ne bagamba nti Mukama waffe, tuteme n'ebitala?
- 50 N'omu ku abo n'atema omuddu wa kabona asinga obukulu n'amusalako okutu kwe okwa ddyo.
- 51 Naye Yesu n'addamu n'agamba nti Koma ku ekyo kyokka. N'akoma ku kutu kwe n'amuwonya.
- 52 Yesu n'agamba bakabona abakulu, n'abaami b'omu yeekaalu, n'abakadde, abaamu-
jjirira nti Munjjiridde ng'omunyazi, n'ebitala n'emiggo?

- 53 Bwe nnabanga nammwe bulijjo mu yeekaalu, temwangololerangako mikono gyammwe: naye kino kye kiseera kyammwe, n'obuyinza bw'ekizikiza.
- 54 Ne bamukwata, ne bamutwala, ne bamuyingiza mu nnyumba ya kabona asinga obukulu. Naye Peetero n'agoberera ng'ava wala.
- 55 Awo bwe baali nga bamaze okukuma omuliro wakati mu luggya, nga batudde wamu, Peetero n'atuula wakati mu bo.
- 56 Awo omuwala omu bwe yamulaba ng'attudde awalaba, n'amwekaliriza, n'agamba nti N'ono yabadde naye.
- 57 Ne yeegaana ng'agamba nti Omukazi, simumanyi.
- 58 Ekiseera bwe kyayitawo, omulala n'amulaba n'agamba nti Naawe oli ku bo. Naye Peetero n'agamba nti Omuntu, si nze.
- 59 Waali wayiseewo ekiseera ng'essaawa emu, omulala n'akaliriza ng'agamba nti Mazima n'ono yabadde wamu naye; kubanga Mugaliraaya.
- 60 Naye Peetero n'agamba nti Omuntu, simanyi ky'oyogera. Awo amangu ago, bwe yali ng'akyayogera, enkoko n'ekookolima.
- 61 Awo Mukama waffe n'akyuka, n'atunuulira Peetero. Peetero n'ajjukira ekigambo kya Mukama waffe, bwe yamugambye nti Leero enkoko eneeba tennakookolima, onon-neegaana emirundi esatu.
- 62 N'afuluma ebweru, n'akaaba nnyo amaziga.
- 63 N'abantu abaali bakutte Yesu ne bamuduulira nga bamukuba.
- 64 Ne bamubikka mu maaso, ne bamubuuza, nga bagamba nti Lagula: ani akukubye?
- 65 N'ebirala bingi ne babimwogerako nga bamuvuma.
- 66 Awo obudde bwe bwakya, abakadde b'abantu ne bakuaana, bakabona abakulu era n'abawandiisi; ne bamutwala mu lukiiko lwabwe, nga bagamba nti
- 67 Oba nga ggwe Kristo, tubuulire. Naye n'abagamba nti Ne bwe nnaababuulira, temukkirize n'akatono;
- 68 ne bwe nnaababuuza, temuddemu n'akatono.
- 69 Naye okusooka kaakano Omwana w'omuntu agenda kutuula ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi ga Katonda.
- 70 Bonna ne bagamba nti Kale ggwe oli Mwana wa Katonda? N'abagamba nti Nga bwe mwogedde nze nzuuno.
- 71 Ne bagamba nti Twetaagira ki ate abajulirwa? Kubanga ffe twewuliridde okuva mu kamwa ke ye.

Essuula 23

- 1 Ekibiina kyonna ne kigolokoka, ne kimutwala ewa Piraato.
- 2 Ne basooka okumuloopa nga bagamba nti Ono twamulaba ng'akyamyama eggwanga lyaffe, ng'abagaana okuwa Kayisaali omusolo, ng'ayogera yennyini okuba Kristo, kabaka.
- 3 Piraato n'amubuuza, ng'agamba nti Ggwe Kabaka w'Abayudaaya? N'amuddamu n'agamba nti Oyogedde.
- 4 Piraato n'agamba bakabona abakulu n'ebibiina nti Siraba nsonga yonna ku muntu ono.
- 5 Naye bo ne beeyogera okutayirira nga bagamba nti Asasamaza abantu, ng'ayigiriza mu Buyudaaya bwonna, yasookera Ggaliraaya okutuuka ne wano.
- 6 Naye Piraato bwe yawulira, n'abuuza oba ng'omuntu oyo Mugaliraaya.
- 7 Bwe yategeera nga wa mu matwale ga Kerode, n'amuweereza ewa Kerode, kubanga naye yali mu Yerusaalemi mu nnaku ezo.
- 8 Awo Kerode bwe yalaba Yesu, n'asanyuka nnyo; kubanga okuva edda yayagalanga

- okumulaba kubanga yawulira ebigambo bye; n'asubira okulaba ng'akola akabonero.
- 9 N'amubuuliriza ebigambo bingi, naye ye n'atamuddamu kigambo.
 - 10 Bakabona abakulu n'abawandiisi ne bayimirira ne banyweza nnyo okumuloopa.
 - 11 Awo Kerode ne basserikale ne bamunyooma, ne bamuduulira, ne bamwambaza ekyambalo ekinekaaneka ne bamuzzaayo ewa Piraato.
 - 12 Kerode ne Piraato ne balyoka batabagana ku lunaku olwo; kubanga olubereberye baali bakyawaganye.
 - 13 Piraato n'ayita bakabona abakulu n'abakungu n'abantu,
 - 14 n'abagamba nti Mundeetedde omuntu ono, nti yakyamyamba abantu; era, laba, nze bwe mmukemererezza mu maaso gammwe, sirabye nsonga ku muntu ono mu ebyo bye mumuloopye;
 - 15 era, newakubadde Kerode, kubanga amuzzizza gye tuli; era, laba, tewali kigambo ky'akoze ekisaanidde okumussisa:
 - 16 kale bwe nnaamala okumubonereza, n'amuta.
 - 17 Era kyamugwaniranga okubateeranga omusibe omu ku mbaga.
 - 18 Naye ne bakaayana bonna wamu, nga bagamba nti Twala ono, otuteere Balaba:
 - 19 ye muntu gwe bassa mu kkomera olw'obujeemu obwali mu kibuga, n'olw'obussi.
 - 20 Piraato n'ayogera nabo nate, ng'ayagala okuta Yesu;
 - 21 naye bo ne boogerera waggulu nga bagamba nti Mukomerere, mukomerere.
 - 22 N'abagamba omulundi ogw'okusatu nti Lwaki, ono akoze kibi ki? Sirabye ku ye nsonga emussa: kale bwe nnaamala okumubonereza, n'amuta.
 - 23 Naye bo ne bamuzitoowerera n'amaloboozi amanene, nga beegayirira okumukomerera. Amaloboozi gaabwe ne gasinga okukola.
 - 24 Piraato n'asalawo ebigambo bye beegayiridde.
 - 25 N'ata oyo eyasuulibwa mu kkomera olw'obujeemu n'obussi gwe bamwegayiridde; naye n'awaayo Yesu okumukola nga bwe baagadde.
 - 26 Awo baali nga bamutwala, ne bakwata Omukuleene Simooni, eyali ava mu kyalo, ne bamutikka emusalaba, okugwetikka ng'ava ennyuma Yesu.
 - 27 Ekibiina kinene ne kimugoberera eky'abantu n'eky'abakazi abaamukaabira, ne bamulirira.
 - 28 Naye Yesu n'abakyukira n'agamba nti Abawala ab'e Yerusaalemi, temukaabira nze, naye mwekaabire mwekka, n'abaana bammwe.
 - 29 Kubanga, laba, ennaku zijja, mwe baligambira nti Balina omukisa abagumba, n'embuto ezitazaala n'amabeere agatayonsa.
 - 30 Ne balyoka batanula okugamba ensozi nti Mutugweko; n'obusozi nti Mutuvuunikire.
 - 31 Kubanga bwe bakola bino ku muti omubisi, ku mukalu kiriba kitya?
 - 32 Era yatwalibwa n'abalala babiri, abaakola obubi, okuttirwa awamu naye.
 - 33 Awo bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa kiwanga, ne bamukomererera awo, na bali abaakola obubi, omu ku mukono ogwa ddyo n'omulala ku gwa kkono.
 - 34 Awo Yesu n'agamba nti Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola. Ne bagabana ebyambalo bye, nga bakuba akalulu.
 - 35 Abantu ne bayimirira nga batunuulira. Abakungu nabo ne bamusekerera nga bagamba nti Yalokolanga balala yeerokole yekka, oba ng'oyo ye Kristo wa Katonda, omulonde we.
 - 36 Basserikale nabo ne bamuduulira nga bajja w'ali, nga bamuwa omwenge omukaatuufu,
 - 37 nga bagamba nti Oba nga ggwe Kabaka w'Abayudaaya, weerokole wekka.
 - 38 Ne wabaawo n'ebbaluwa waggulu we nti ONO YE KABAKA W'ABAYUDAAYA.
 - 39 Omu ku abo abaakola obubi abaawanikibwa n'amuvuma ng'agamba nti Si ggwe Kristo? Weerokole wekka naffe.

- 40 Naye ow'okubiri n'addamu n'amunenya, n'agamba nti N'okutya totya Katonda, kubanga oli ku kibonerezo kye kimu naye?
- 41 Era ffe twalangibwa nsonga; kubanga ebisaanidde bye twakola bye tusasulibbwa: naye ono takolanga kigambo ekitasaana.
- 42 N'agamba nti Yesu, onjijukiranga bw'olijira mu bwakabaka bwo.
- 43 Yesu n'amugamba nti Mazima nkugamba nti Leero onooba nange mu Lusuku lwa Katonda.
- 44 Awo obudde bwali butuuse essaawa nga mukaaga, ne waba ekizikiza ku nsi yonna okutuusa essaawa mwenda,
- 45 enjuba obutayaka: n'eggigi ery'omu yeekaalu ne liyulikamu wakati.
- 46 Awo Yesu n'ayogera n'eddoboozi ddene, n'agamba nti Kitange, nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo: bwe yamala okwogera ekyo, n'awaayo obulamu.
- 47 Awo omwami w'ekitongole bwe yalaba ekibaddewo, n'atendereza Katonda, ng'agamba nti Mazima ono abadde muntu mutuukirivu.
- 48 N'ebibiina byonna ebyali bikuaanye okwerolera, bwe baalaba ebibaddewo ne baddayo nga beekuba mu bifuba.
- 49 Ne mikwano gye gyonna, n'abakazi abaava naye e Ggaliraaya, ne bayimirira wala nga balaba ebyo.
- 50 Kale laba, omuntu erinnya lye Yusufu, eyali omukungu, omuntu omulungi era omutuukirivu
- 51 oyo teyassa kimu mu kuteesa kwabwe newakubadde mu kikulwa kyabwe, ow'e Alimasaya, ekibuga ky'Abayudaaya, eyali alindirira obwakabaka bwa Katonda:
- 52 oyo n'agenda ewa Piraato, n'asaba omulambo gwa Yesu.
- 53 N'aguwanula n'aguzinga mu lugoye olwa bafuta, n'amussa mu ntaana eyabajjibwa mu jjinja, omutateekebwanga muntu.
- 54 Kale lwali lunaku lwa Kuteekateeka, essabbiiti ng'eneebaako enkya.
- 55 N'abakazi be yava nabo e Ggaliraaya, ne bagoberera, ne balaba entaana, n'omulambo gwe bwe gwateekebwa.
- 56 Ne bakomawo, ne bategeka eby'akaloosa n'amafuta ag'omugavu. Ne ku lunaku olwa ssabbiiti ne bawummula ng'etteeka bwe liri.

Essuula 24

- 1 Awo ku lunaku olw'olubereberye ku nnaku omusanvu, mu matulutulu enkya, ne bajja ku ntaana ne baleeta eby'akaloosa bye baategeka.
- 2 Ne balaba ejinja nga liyiringisibbwa okuva ku ntaana.
- 3 Ne bayingiramu, ne batasanga mulambo gwa Mukama waffe Yesu.
- 4 Awo olwatuuka bwe baali basamaaliridde olw'ekyo, laba, abantu babiri ne bayimirira we baali, nga bambadde engoye ezimasamasa;
- 5 awo bwe baali batidde, nga bakutamye amaaso gaabwe, ne babagamba nti Kiki ekibanoonyesa omulamu mu bafu?
- 6 Taliwo wano, naye azuukidde: mujjukire bwe yayogera nammwe ng'akyali mu Ggaliraaya,
- 7 ng'agamba nti Kigwanira Omwana w'omuntu okuweebwayo mu mikono gy'abantu abalina ebibi, n'okukomererwa, ne ku lunaku olw'okusatu okuzuukira.
- 8 Awo ne bajjukira ebigambo bye,
- 9 ne bava ku ntaana ne baddayo, ebyo byonna ne babibuulira bali ekkumi n'omu, n'abalala bonna.
- 10 Baali Malyamu Magudaleene, ne Yowaana, ne Malyamu nnyina Yakobo: n'abakazi abalala wamu nabo ne babuulira abatume ebigambo ebyo.

- 11 Ebigambo ebyo ne bifaanana mu maaso gaabwe nga bya busirusiru; ne batakkiriza.
- 12 Naye Peetero n'agolokoka n'addukana ku ntaana; n'akutama n'alingiza n'alabamu ebiwero ebya bafuta, nga biri byokka; n'akomawo ewuwe, nga yeewuunya ebibaddewo.
- 13 Awo laba, ku lunaku olwo, babiri ku bo baali nga bagenda mu mbuga erinnya lyayo Emawo, eyali ewalako ne Yerusaalemi, sutaddyo nkaaga.
- 14 Ne banyumya bokka na bokka ebyo byonna ebibaddewo.
- 15 Awo olwatuuka baali nga banyumya nga beebuuzaganya, Yesu yennyini n'abasemberera, n'agenda wamu nabo.
- 16 Naye amaaso gaabwe ne gazibwa baleme okumutegeera.
- 17 N'abagamba nti Bigambo ki bye mubuuzaganya nga mutambula? Ne bayimirira nga bawootedde.
- 18 Omu ku bo erinnya lye Kulyoppa n'addamu n'amugamba nti Ggwe osula wekka mu Yerusaalemi atamanyi ebyabaamu mu nnaku zino?
- 19 N'abagamba nti Bigambo ki? Ne bamugamba nti Ebya Yesu Omunazaaleesi, eyali nnabbi ow'amaanyi mu bye yakoleranga ne bye yayogereranga mu maaso ga Katonda ne mu g'abantu bonna:
- 20 ne bakabona abakulu n'abakungu baffe bwe baamuwaayo okumusalira omusango ogw'okumutta, ne bamukomerera.
- 21 Naye ffe twali tusuubira nti ye alinunula Isiraeri. Ate ne ku bino byonna, leero zino ennaku ssatu ebigambo bino kasookedde bibaawo.
- 22 Era n'abakazi abamu ab'ewaffe batuwuniikirizza, abaakedde okugenda ku ntaana;
- 23 bwe bataasanze mulambo gwe, ne bajja ne bagamba nti balabye okwolesebwa kwa bamalayika abagambye nti mulamu.
- 24 N'abamu ku abo abaabadde naffe bagenze ku ntaana, ne basanga bwe batyo ng'abakazi bwe bagambye, naye ne batamulaba.
- 25 Kale ye n'abagamba nti Mmwe abasirusiru, abagayaavu mu mutima okukkiriza byonna bannabbi bye baayogeranga;
- 26 tekyagwanira Kristo okubonyaabonyezebwa ebyo, alyoke ayingire mu kitiibwa kye?
- 27 N'asookera ku Musa ne ku bannabbi bonna, n'abategeeza mu byawandiikibwa ebyo byonna ebyamuwandiikirwa ye.
- 28 Ne basembera kumpi n'embuga gye baali bagenda: ye n'aba ng'abayisa okugenda mu maaso.
- 29 Ne bamuwaliriza nga bagamba nti Tuula naffe: kubanga obudde bugenda kuwungeera, n'enjuba egoloobye kaakano. N'ayingira okutuula nabo.
- 30 Awo olwatuuka yali atudde nabo ku mmere, n'atoola omugaati n'agwebaza, n'agumenyamu n'abawa.
- 31 Amaaso gaabwe ne gazibuka ne bamutegeera; n'abulirawo bo obutamulaba.
- 32 Ne beebuuzaganya nti Emitima gyaffe tegyabadde nga gitutyemuka munda yaffe, bwe yabadde ayogera naffe mu kkubo, ng'atubikkulira ebyawandiikibwa?
- 33 Ne bayimuka mu kiseera ekyo ne bakomawo e Yerusaalemi, ne basanga ekkumi n'omu, n'abo be baali nabo, nga bakuaanye
- 34 nga bagamba nti Mazima Mukama waffe azuukidde era alabikidde Simooni.
- 35 Nabo ne babannyonnyola biri eby'omu kkubo, ne bwe yategeerekese gye bali olw'okumenyamu omugaati.
- 36 Awo baali nga bakyayogera ebyo, ye yennyini n'ayimirira wakati waabwe, n'abagamba nti Emirembe gibe mu mmwe.
- 37 Naye ne beekanga ne batya, ne balowooza nti balaba muzimu.
- 38 N'abagamba nti Ekibeeraliikiriza kiki? N'okubuusabuusa kujjira ki mu mitima gyammwe?

- 39 Mulabe engalo zange n'ebigere byange, nga nze nzuuno mwene: munkwateko mulabe; kubanga omuzimu tegulina nnyama na magumba, nga bwe mulaba nze bwe ndi nabyo.
- 40 Bwe yamala okwogera ekyo, n'abalaga engalo ze n'ebigere.
- 41 Awo bwe baali tebannaba kukkiriza olw'essanyu, nga beewuunya, n'abagamba nti Mulina ekiriibwa wano?
- 42 Ne bamuwa ekitundu eky'ekyennyanya ekyokye.
- 43 N'akitoola n'akiriira mu maaso gaabwe.
- 44 N'abagamba nti Bino bye bigambo byange bye nnababuulira, nga nkyali nammwe, bwe kigwanira byonna okutuukirizibwa, ebyawandiikirwa nze mu mateeka ga Musa, ne mu bannabbi, ne mu zabbuli.
- 45 N'alyoka abikkula amagezi gaabwe, bategeere ebyawandiikibwa;
- 46 n'abagamba nti Bwe kityo bwe kyawandiikibwa Kristo okubonyaabonyezebwa n'okuzuukira mu bafu ku lunaku olw'okusatu;
- 47 era amawanga gonna okubuulirwanga okwenenya n'okuggibwako ebibi mu linnya lye, okusooketa ku Yerusaalemi.
- 48 Mmwe bajulirwa b'ebyo.
- 49 Era laba, mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange: naye mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava waggulu.
- 50 N'abatwala ebweru n'abatuusa e Bessaniya: n'ayimusa emikono gye n'abawa omukisa.
- 51 Awo olwatuuka ng'akyabawa omukisa, n'abaawukanako, n'atwalibwa mu ggulu.
- 52 Nabo ne bamusinza, ne bakomawo e Yerusaalemi n'essanyu lingi:
- 53 ne babeeranga mu yeekaalu bulijjo, nga beebaza Katonda.

Yokaana

Essuula 1

- 1 Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda.
- 2 Oyo yaliwo ku lubereberye awali Katonda.
- 3 Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo; era awataali ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa.
- 4 Obulamu bwali mu ye; obulamu ne buba omusana gw'abantu.
- 5 Omusana ne gwaka mu kizikiza, so ekizikiza tekyagutegeera.
- 6 Waalabika omuntu, Katonda, gwe yatuma, erinnya lye Yokaana.
- 7 Oyo yajja olw'okutegeeza ategeeze eby'omusana, bonna bakkirize ku bubwe.
- 8 Oyo si ye musana, wabula okutegeeza eby'omusana.
- 9 Waliwo omusana ogw'amazima ogwakira buli muntu, nga gujja mu nsi.
- 10 Yali mu nsi, ensi yakolebwa ku bubwe, era ensi teyamutegeera.
- 11 Yajja mu matwale ge, naye abaali mu matwale ge tebaamusembeza.
- 12 Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye:
- 13 abataazaalibwa musaayi, newakubadde okwagala kw'omubiri, newakubadde okwagala kw'omuntu, naye abaazaalibwa Katonda.
- 14 Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'eky'oyo eyazaalibwa omu yekka Kitaffe), ng'ajjudde ekisa n'amazima.
- 15 Yokaana n'amutegeeza n'ayogerera waggulu ng'ayogera nti Oyo gwe nnagamba nti Ajja ennyuma wange ansinga nze: kubanga ye yali ow'olubereberye ku nze.
- 16 Kubanga ku kujjula kwe ffe fenna kwe twaweebwa, n'ekisa mu kifo ky'ekisa.
- 17 Kubanga amateeka gaaweebwa ku bwa Musa; ekisa n'amazima byabaawo ku bwa Yesu Kristo.
- 18 Tewali eyali alabye ku Katonda wonna wonna; Omwana eyazaalibwa omu yekka, aba mu kifuba kya Kitaffe, oyo yamutegeeza.
- 19 Kuno kwe kutegeeza kwa Yokaana, Abayudaaya abaava e Yerusaalemi bwe baamutumira bakabona n'Abaleevi okumubuuza nti Ggwe ani?
- 20 N'ayatula, n'ateegaana; n'ayatula nti Si nze Kristo.
- 21 Ne bamubuuza nti Kale lw'oli ani? oli Eriya? N'agamba nti Si nze ye. Ggwe nnabbi oli? N'addamu nti Nedda.
- 22 Awo ne bamugamba nti Lw'oli ani? tubaddemu abatutumye. Weeyita ani?
- 23 N'agamba nti Nze ndi ddooboozi ly'omuntu ayogerera waggulu mu ddungu nti Mulu-amyeye oluguudo lwa Mukama, nga nnabbi Isaaya bwe yayogera.
- 24 Abaatumibwa baali ba mu Bafalisaayo.
- 25 Ne bamubuuza, ne bamugamba nti Oba ggwe toli Kristo, oba Eriya, oba nnabbi oli, kale kiki ekikubatzisa?
- 26 Yokaana n'abaddamu, ng'agamba nti Nze mbatiza n'amazzi: wakati mu mmwe ayimiridde omuntu gwe mutamanyi,
- 27 ajja ennyuma wange, so nange sisaanira kusumulula lukoba lwa ngatto ye.
- 28 Ebyo byakolerwa Bessaniya, emitala wa Yoludaani, Yokaana gye yabatirizanga.
- 29 Olunaku olw'okubiri n'alaba Yesu ng'ajja gy'ali, n'agamba nti Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!
- 30 oyo gwe nnagamba nti Ennyuma wange ejjayo omuntu ansinga: kubanga ye yali ow'olubereberye ku nze.
- 31 Nange saamumanya: naye ayolesebwe Isiraeri, kyennava njija nga mbatiza n'amazzi.

- 32 Yokaana n'ategeeza ng'agamba nti Nnalaba Omwoyo ng'ava mu ggulu ng'ejjiba; n'abeera ku ye.
- 33 Nange saamumanya: naye eyantuma okubatiza n'amazzi, ye yaamba nti Ggwe oliraba Omwoyo ng'akka ng'abeera ku ye, oyo ye abatiza n'Omwoyo Omutukuvu.
- 34 Nange ne ndaba, ne ntegeeza nti oyo ye Mwana wa Katonda.
- 35 Olunaku olwaddirira nate Yokaana yali ayimiridde n'ab'oku bayigirizwa be babiri;
- 36 n'atunuulira Yesu ng'atambula, n'agamba nti Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda!
- 37 Abayigirizwa abo ababiri ne bawulira ng'ayogera, ne bagoberera Yesu.
- 38 Yesu n'akyuka n'abalaba nga bamugoberera, n'abagamba nti Munoonya ki? Ne bamugamba nti Labbi (amakulu gaakyo bwe kitegeezebwa nti Omuyigiriza), osula wa?
- 39 N'abagamba nti Mujje, munaalabawo. Ne bajja ne balaba w'asula; ne basula ewuwe olunaku olwo: obudde bwali nga ssaawa ya kkumi.
- 40 Andereya, muganda wa Simooni Peetero, ye omu ku bali ababiri abaawulira Yokaana ng'ayogera, ne bamugoberera.
- 41 Ye n'asooka okulaba muganda we ye Simooni, n'amugamba nti Tulabye Kristo, amakulu gaakyo bwe kitegeezebwa nti Eyafukibwako amafuta.
- 42 N'amuleeta eri Yesu. Yesu n'amutunuulira, n'agamba nti Ggwe Simooni omwana wa Yokaana: onooyitibwanga Keefa, (amakulu gaalyo bwe litegeezebwa nti Peetero).
- 43 Olunaku olwaddako yayagala okuvaayo okugenda e Ggaliraaya, n'alaba Firipo: Yesu n'amugamba nti Ngoberera.
- 44 Naye Firipo yali w'e Besusayida, mu kibuga kya Andereya ne Peetero.
- 45 Firipo n'alaba Nassanayiri n'amugamba nti Tulabye oyo Musa gwe yawandiikako mu mateeka ne bannabbi, Yesu, omwana wa Yusufu, ow'e Nazaaleesi.
- 46 Nassanayiri n'amugamba nti Mu Nazaaleesi muyinza okuvaamu ekintu ekirungi? Firipo n'amugamba nti Jjangu olabe.
- 47 Yesu n'alaba Nassanayiri ng'ajja gy'ali, n'amwogerako nti Laba Omuisiraeri wawu, ataliimu bukuusa!
- 48 Nassanayiri n'amugamba nti Wantegeerera wa? Yesu n'addamu n'amugamba nti Firipo bw'abadde tannakuyita, bw'obadde mu mutiini, ne nkulaba.
- 49 Nassanayiri n'amuddamu nti Labbi, ggwe Mwana wa Katonda: ggwe Kabaka wa Isiraeri.
- 50 Yesu n'addamu n'amugamba nti Kubanga nkugambye nti nkulabye mu mutiini okkirizza? oliraba ebikulu okukira ebyo.
- 51 N'amugamba nti Ddala ddala mbagamba nti Muliraba eggulu nga libikkuse, ne bamalayika ba Katonda nga balinnya era nga bakkira ku Mwana w'omuntu.

Essuula 2

- 1 Olunaku olw'okusatu, ne waba embaga ey'obugole mu Kaana eky'e Ggaliraaya; ne nnyina Yesu yaliwo;
- 2 Yesu ne bamuyita n'abayigirizwa be ku mbaga.
- 3 Naye omwenge bwe gwaggwaawo, nnyina Yesu n'amugamba nti Tebalina nvinnyo.
- 4 Yesu n'amugamba nti Omukyala, Onvunaana ki? ekiseera kyange tekinnaba kutuuka.
- 5 Nnyina n'agamba abaweereza nti Ky'anaabagamba kyonna, kye mukola.
- 6 Waaliwo amasuwa ag'amayinja mukaaga, agaateekebwawo olw'empisa ey'okutukiiza kw'Abayudaaya, buli limu nga livaamu ensuwa nga bbiri oba ssatu.
- 7 Yesu n'abagamba nti Amasuwa mugajjuze amazzi. Ne bagajjuza okutuusa ku migo.
- 8 N'abagamba nti Musene kaakano, mutwalire omugabuzi w'embaga. Ne bamutwalira.

- 9 Awo omugabuzi w'embaga bwe yalega ku mazzi agafuuse envinnyo, n'atamanya gy'evudde (naye abaweereza abaasena amazzi baamanya), omugabuzi w'embaga n'ayita awasizza omugole,
- 10 n'amugamba nti Buli muntu asooka kussaawo nvinnyo nnungi; naye abantu bwe bakkuta, n'alyoka assaawo embi: naye ggwe oterese ennungi okutuusa kaakano.
- 11 Kano ke kabonero Yesu ke yasookerako okukola mu Kaana eky'e Ggaliraaya, n'alabisa ekitiibwa kye; abayigirizwa be ne bamukkiriza.
- 12 Awo oluvannyuma lw'ekyo n'aserengeta e Kaperunawumu, ye ne nnyina ne baganda be n'abayigirizwa be: ne bamalayo ennaku si nnyingi.
- 13 Okuyitako okw'Abayudaaya kwali kunaatera okutuuka, Yesu n'ayambuka e Yelusaalemi.
- 14 N'asanga mu yeekaalu abatunda ente n'endiga n'amayiba, n'abawaanyisa effeeza nga batudde:
- 15 n'afuula emigwa olukoba, n'abagoba bonna mu yeekaalu, n'endiga n'ente; n'ayiwa effeeza ez'abawaanyisa effeeza, n'avuunika embaawo zaabwe;
- 16 n'agamba abaali batunda amayiba nti Muggyeewo ebintu bino: muleme kufuula nnyumba ya Kitange nnyumba ya buguzi.
- 17 Abayigirizwa be ne bajjukira nga kyawandiikibwa nti Obuggya bw'ennyumba yo bulindya.
- 18 Awo Abayudaaya ne baddamu ne bamugamba nti Kabonero ki k'otwolesa akakukoza bino?
- 19 Yesu n'addamu n'abagamba nti Mumenye yeekaalu eno, nange ndigizimbira ennaku ssatu.
- 20 Awo Abayudaaya ne boogera nti Yeekaalu eno yazimbirwa emyaka amakumi ana mu mukaaga, naawe oligizimbira ennaku ssatu?
- 21 Naye yayogera ku yeekaalu ya mubiri gwe.
- 22 Awo bwe yazuukizibwa mu bafu, abayigirizwa be ne bajjukira nti yayogera ekyo; ne bakkiriza ebyawandiikibwa, n'ekigambo Yesu kye yayogera.
- 23 Awo bwe yali mu Yerusalemi ku Kuyitako, ku mbaga, bangi ne bakkiriza erinnya lye, bwe baalaba obubonero bwe bwe yakola.
- 24 Naye Yesu n'atabeeyabizaamu kubanga yategeera bonna,
- 25 era teyeetaaga muntu yenna okutegeeza eby'abantu; kubanga ye yennyini yategeera ebyali mu bantu.

Essuula 3

- 1 Awo waaliwo omuntu ow'omu Bafalisaayo, erinnya lye Nikoodemo, mwami mu Bayudaaya:
- 2 oyo n'ajja gy'ali ekiro, n'amugamba nti Labbi, tumanyi nti oli muyigiriza eyava eri Katonda: kubanga tewali muntu ayinza okukola obubonero buno bw'okola ggwe, wabula Katonda ng'ali naye.
- 3 Yesu n'addamu n'amugamba nti Ddala ddala nkugamba nti Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda.
- 4 Nikoodemo n'amugamba nti Omuntu ayinza atya okuzaalibwa bw'aba nga mukadde? ayinza okuyingira mu lubuto lwa nnyina omulundi ogw'okubiri, n'azaalibwa?
- 5 Yesu n'addamu nti Ddala ddala nkugamba nti omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo, tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
- 6 Ekizaalibwa omubiri kiba mubiri; n'ekizaalibwa Omwoyo kiba mwoyo.
- 7 Teweewuunya kubanga nkugambye nti Kibagwanira okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.

- 8 Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kw'ayo, naye tomanyi gy'eva, newakubadde gy'egenda: bw'atyo bw'abeera buli muntu yenna azaalibwa Omwoyo.
- 9 Nikoodemo n'addamu n'amugamba nti Ebyo biyinza bitya okubaawo?
- 10 Yesu n'addamu n'amugamba nti Ggwe omuyigiriza wa Isiraeri, n'ototegeera ebyo?
- 11 Ddala ddala nkugamba nti Twogera kye tumanyi, tutegeeza kye twalaba; so temukkiriza kutegeeza kwaffe.
- 12 Bwe mbabuulidde eby'ensi, ne mutakkiriza, mulikkiriza mutya bwe nnaababuulira eby'omu ggulu?
- 13 Tewali muntu eyali alinnye mu ggulu, wabula eyava mu ggulu, ye Mwana w'omuntu ali mu ggulu.
- 14 Nga Musa bwe yawanika omusota mu ddungu, bwe kityo n'Omwana w'omuntu kimugwanira okuwanyikibwa:
- 15 buli muntu yenna amukkiriza abeere n'obulamu obutaggwaawo mu ye.
- 16 Kubanga Katonda bwe yayagala, ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo.
- 17 Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi, okusalira ensi omusango; naye ensi erokokere ku ye.
- 18 Amukkiriza tegumusinga: atamukkiriza gumaze okumusinga, kubanga takkirizza linnya lya Mwana eyazaalibwa omu yekka owa Katonda.
- 19 Guno gwe musango kubanga omusana guzze mu nsi, abantu ne baagala enzikiza okukira omusana; kubanga ebikolwa byabwe byali bibi.
- 20 Kubanga buli muntu yenna akola ebitasaana akyawa omusana, so tajja eri omusana, ebikolwa bye bireme okunenyezebwa.
- 21 Naye akola amazima ajja eri omusana ebikolwa bye birabike nga byakolerwa mu Katonda.
- 22 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'ajja n'abayigirizwa be mu nsi y'e Buyudaaya; n'alwayo nabo, n'abatiza.
- 23 Naye Yokaana yali ng'abatiriza mu Enoni kumpi n'e Salimu, kubanga ye eri amazizi amaangi: ne bajjanga, ne babatizibwanga.
- 24 Kubanga Yokaana yali nga tannateekebwa mu kkomera.
- 25 Abayigirizwa ba Yokaana n'Omuyudaaya ne baba n'empaka, mu bigambo eby'okutukuza.
- 26 Ne bajja eri Yokaana, ne bamugamba nti Labbi, oli eyali naawe emitala wa Yoludaani, gwe wategeeza, laba, oyo abatiza; n'abantu bonna bajja gy'ali.
- 27 Yokaana n'addamu n'agamba nti Omuntu tayinza kuganya kigambo kyonna wabula ng'akiweereddwa okuva mu ggulu.
- 28 Mmwe bennyini muli bajulirwa bange nga nnayogera nti Si nze Kristo, naye nga nnatumibwa kumukulemba.
- 29 Alina omugole ye awasa: naye mukwano gw'oyo awasa, ayimirira ng'amuwulira, asanyukira nnyo eddoozi ly'oyo awasizza: kale essanyu lyange eryo lituukiridde.
- 30 Ye kimugwanira okukula, naye nze okutoowala.
- 31 Ava mu ggulu ye afuga byonna; ow'omu nsi aba wa mu nsi, ayogera bya mu nsi: ava mu ggulu ye afuga byonna.
- 32 Kye yalaba era kye yawulira ky'ategeeza; so tewali muntu akkiriza kutegeeza kwe.
- 33 Akkiriza okutegeeza kwe, ng'ataddeko akabonero ke nti Katonda wa mazima.
- 34 Kubanga Katonda gwe yatuma ayogera bigambo bya Katonda: kubanga, bw'agaba Omwoyo, tamugera.
- 35 Kitaffe ayagala Omwana, era yamuwa byonna mu mukono gwe.
- 36 Akkiriza Omwana alina obulamu obutaggwaawo; naye atakkiriza Mwana, taliraba

bulamu, naye obusungu bwa Katonda bubeera ku ye.

Essuula 4

- 1 Awo Mukama waffe bwe yategeera nga Abafalisaayo bawulidde nti Yesu ayigiriza era nti abatiza bangi okukira Yokaana,
- 2 (naye Yesu yennyini teyabatiza, wabula abayigirizwa be),
- 3 n'ava mu Buyudaaya, n'agenda e Ggaliraaya nate.
- 4 Era kyamugwanira okuyita mu Samaliya.
- 5 Awo n'atuuka mu kibuga eky'e Samaliya, kye bayita Sukali, ekiriraanye olusuku Yakobo lwe yawa omwana we Yusufu:
- 6 era mwalimu oluzzi lwa Yakobo. Awo Yesu yali akooye olugendo, n'amala gatuulirawo ku luzzi, obudde nga ssaawa mukaaga.
- 7 Omukazi Omusamaliya n'ajja okusena amazzi: Yesu n'amugamba nti Mpa nnywe.
- 8 Kubanga abayigirizwa be baali bagenze mu kibuga okugula emmere.
- 9 Awo omukazi Omusamaliya n'amugamba nti Ggwe Omuyudaaya, kiki ekikusabya okunywa eri nze omukazi Omusamaliya? (Kubanga Abayudaaya nga tebatagana na Basamaliya.)
- 10 Yesu n'addamu n'amugamba nti Singa obadde omanyi ekirabo kya Katonda n'oyo akugamba nti Mpa nnywe bw'ali, ggwe wandimusabye, naye yandikuwadde amazzi amalamu.
- 11 Omukazi n'amugamba nti Ssebo, tolina kya kusenya, n'oluzzi luwanvu: kale oggya wa amazzi ago amalamu?
- 12 Ggwe oli mukulu okukira jjajjaffe Yakobo, eyatuwa oluzzi luno, eyanywangamu ye n'abaana be n'ensolo ze?
- 13 Yesu n'addamu n'amugamba nti Buli muntu yenna anywa amazzi gano ennyonta erimuluma nate:
- 14 naye anywa amazzi ago nze ge ndimuwa ennyonta terimulumira ddala emirembe gyonna; naye amazzi ge ndimuwa ganaafuukanga munda mu ye ensulo y'amazzi nga gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.
- 15 Omukazi n'amugamba nti Ssebo, mpa amazzi ago, ennyonta ereme okunnumanga, n'okukoma nkome okutambula olugendo luno lwonna okusenanga.
- 16 Yesu n'amugamba nti Genda oyite balo, okomewo wano.
- 17 Omukazi n'addamu n'amugamba nti Sirina baze. Yesu n'amugamba nti Oyogedde bulungi nti Sirina baze;
- 18 kubanga walina babalo bataano, naye gw'olina kaakano si balo: ekyo ky'oyogedde mazima.
- 19 Omukazi n'amugamba nti Ssebo, ndaba nti oli nnabbi.
- 20 Bajjajjaffe baasinzizanga ku lusozi luno; nammwe mugamba nti Yerusaalemi kye kifo ekigwana okusinzizangamu.
- 21 Yesu n'amugamba nti Omukyala, nzikiriza, ekiseera kijja kye batalisinzizangamu Kitaffe ku lusozi luno newakubadde mu Yerusaalemi.
- 22 Mmwe musinza kye mutamanyi; ffe tusinza kye tumanyi; kubanga obulokozi buva mu Buyudaaya.
- 23 Naye ekiseera kijja, era kituuse, abasinza amazima lwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo n'amazima: kubanga Kitaffe anoonya abali ng'abo okubeera ab'okumusinzanga.
- 24 Katonda gwe Mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinzizanga mu mwoyo n'amazima.
- 25 Omukazi n'amugamba nti Mmanyi nga Kristo ajja (gwe bayita Eyafukibwako

amafuta): ye bw'alijja alitubuulira ebigambo byonna.

- 26 Yesu n'amugamba nti Nze nzuuno ayogera naawe.
- 27 Amangu ago abayigirizwa be ne bajja; ne beewuunya kubanga abadde ayogera n'omukazi : naye tewali muntu eyagamba nti Onoonya ki? oba nti Kiki ekikwozeza naye?
- 28 Awo omukazi n'aleka ensuwa ye, n'agenda mu kibuga, n'abuulira abantu nti
- 29 Mujje mulabe omuntu aambye bye nnakolanga byonna: ayinza okuba nga ye Kristo?
- 30 Ne bava mu kibuga, ne bajja gy'ali.
- 31 Mu kiseera ekyo abayigirizwa baali nga bamwegayirira nga bagamba nti Labbi, Iya.
- 32 Naye n'abagamba nti Nnina ekyokulya kye ndya kye mutamanyi.
- 33 Awo abayigirizwa ne boogera bokka na bokka nti Waliwo omuntu amuleetedde ekyokulya?
- 34 Yesu n'abagamba nti Ekyokulya kyange, kwe kukolanga eyantuma by'ayagala n'oku-tuukiriza omulimu gwe.
- 35 Mmwe temwogera nti Esigaddeyo emyezi ena okukungula kulyoke kutuuke? Laba, mbagamba nti Muyimuse amaaso mulabe ennimiro nga zimaze okutukula okukungulibwa.
- 36 Akungula aweebwa empeera, n'akuaanya ebibala olw'obulamu obutaggwaawo; asiga n'akungula basanyukire wamu.
- 37 Kubanga ekigambo kino bwe kiri bwe kityo eky'amazima nti Asiga mulala, n'akungula mulala.
- 38 Nze nnabatuma okukungula kye mutaatengejjera: abalala baakola emirimu, nammwe muyingidde emirimu gyabwe.
- 39 Ab'omu kibuga omwo Abasamaliya bangi ku bo abaamukkiriza olw'ekigambo ky'omukazi, eyategeeza nti Aambye bye nnakolanga byonna.
- 40 Awo Abasamaliya bwe baatuuka w'ali ne bamwegayirira abeere nabo: n'asulayo ennaku bbiri.
- 41 Bangi nnyo ne beeyongera okukkiriza olw'ekigambo kye,
- 42 ne bagamba omukazi nti Kaakano tukkiriza, si Iwa kwogera kwo kwokka: kubanga twewuliridde fekka, n'okutegeera tutegedde nga mazima ono ye Mulokozi w'ensi.
- 43 Ennaku ezo ebbiri bwe zaayitawo, n'avaayo n'agenda e Ggaliraaya.
- 44 Kubanga Yesu yennyini yategeeza nti Nnabbi mu nsi y'ewaabwe tebamussaamu kitiibwa.
- 45 Awo bwe yatuuka e Ggaliraaya, Abagaliraaya ne bamusembeza, bwe baalaba byonna bye yakolera e Yerusalemi ku mbaga: kubanga nabo baagenda ku mbaga.
- 46 Awo n'ajja nate ku Kaana eky'e Ggaliraaya, mwe yafuulira amazzi envinnyo. Era yaliyo omukungu wa kabaka, eyalina omwana we omulenzi yali alwalidde mu Kaperunawumu.
- 47 Oyo bwe yawulira nti Yesu avudde e Buyudaaya ng'atuuse e Ggaliraaya, n'ajja gy'ali, n'amwegayirira aserengete awonye omwana we; kubanga yali ng'agenda kufa.
- 48 Awo Yesu n'amugamba nti Bwe mutaliraba bubonero n'eby'amagero temulikkiriza n'akatono.
- 49 Omukungu n'amugamba nti Ssebo, serengeta akaana kange nga tekannaba kufa.
- 50 Yesu n'amugamba nti Genda; omwana wo mulamu. Omuntu oyo n'akkiriza ekigambo Yesu ky'amugambye, n'agenda.
- 51 Bwe yali ng'akyaserengeta, abaddu be ne bamusisinkana ne boogera nti omwana we mulamu.
- 52 Awo n'ababuuliriza essaawa mwe yassuukidde. Awo ne bamugamba nti Jjo obudde nga ssaawa ya musanvu omusujja ne gumuwonako.
- 53 Awo kitaawe n'ategeera nti mu ssaawa eyo Yesu mwe yamugambira nti Omwana wo

mulamu: ye n'akkiriza n'ennyumba ye yonna.

- 54 Kano ke kabonero ak'okubiri nate Yesu ke yakola bwe yava e Buyudaaya okujja e Ggaliraaya.

Essuula 5

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo ne waba embaga y'Abayudaaya; Yesu n'ayambuka ku Yerusaalemi.
- 2 Naye mu Yerusaalemi awali omulyango gw'endiga waaliwo ekidiba, kye baayita mu Lwebbulaniya Besesuda, nga kiriko ebigango bitaano.
- 3 Mu ebyo mwagalimirangamu ekibiina ky'abalwadde, abazibe b'amaaso, abalema, abakoozimbye, nga balindirira amazzi okubimba:
- 4 kubanga malayika yakkanga mu kidiba mu biseera ebimu n'abimbisa amazzi: oyo eyasookanga okugendamu, ng'amazzi gamaze okubimba, yawonanga obulwadde bwe bwe yabanga nabwo.
- 5 Ne wabaawo omuntu eyali n'endwadde nga yaakamala emyaka amakumi asatu mu munaana.
- 6 Yesu bwe yalaba oyo ng'agalamidde, n'ategeera nga yaakamala ennaku nnyingi, n'amugamba nti Oyagala okuba omulamu?
- 7 Omulwadde n'amuddamu nti Ssebo, sirina muntu ansuula mu kidiba amazzi we geeserera: nze we njijira, omulala ng'ansoose okukkamu.
- 8 Yesu n'amugamba nti Golokoka, weetikke ekitanda kyo, otambule.
- 9 Amangu ago omuntu n'aba mulamu ne yeetikka ekitanda kye, n'atambula. Naye olunaku olwo lwali lwa ssabbiiti.
- 10 Awo Abayudaaya ne bamugamba oyo awonyezebbwa nti Leero ssabbiiti, muzizo ggwe okwetikka ekitanda kyo.
- 11 Naye n'abaddamu nti Oli amponyezza ye yaambye nti Weetikke ekitanda kyo otambule.
- 12 Ne bamubuuza nti Omuntu oyo ye ani eyakugambye nti Weetikke otambule?
- 13 Naye eyawonye nga tamanyi bw'ali: kubanga Yesu yali amaze okugenda, abantu abaali mu kifo kiri nga bangi.
- 14 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'amulaba mu yeekaalu, n'amugamba nti Laba, oli mulamu: toyoononanga nate, ekigambo ekisinga obubi kireme okukubaako.
- 15 Omuntu oyo n'agenda n'abuulira Abayudaaya nti Yesu ye yamponya.
- 16 Awo Abayudaaya kyebaava bayigganya Yesu kubanga yakolera ebyo ku ssabbiiti.
- 17 Naye Yesu n'abaddamu nti Kitange akola okutuusa kaakano, nange nkola.
- 18 Awo Abayudaaya kyebaava beeyongera okusala amagezi okumutta kubanga tasobezza ssabbiiti yokka, era naye yayita Katonda kitaawe ye, nga yeefuula eyenkanankana ne Katonda.
- 19 Awo Yesu n'addamu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Omwana tayinza yekka kukola kintu, bw'atalabira ku Kitaawe ng'akola: kubanga ye by'akola byonna, n'Omwana by'akola bw'atyo.
- 20 Kubanga Kitange ayagala Omwana, amulaga byonna by'akola yennyini; era alimulaga emirimu eminene egisinga egyo mmwe mwewuunye.
- 21 Kubanga Kitange bw'azuukiza abafu n'abawa obulamu, bw'atyo n'Omwana abawa obulamu bonna b'ayagala okuwa.
- 22 Kubanga Kitange n'okusala tasalira muntu musango, naye yawa Omwana okusala omusango gwonna;
- 23 bonna bassengamu Omwana ekitiibwa, nga bwe bassaamu Kitange ekitiibwa. Atasamu Mwana kitiibwa, nga tassaamu kitiibwa Kitaawe eyamutuma.

- 24 Ddala ddala mbagamba nti Awulira ekigambo kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, so talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu.
- 25 Ddala ddala mbagamba nti Ekiseera kijja era weekiri kaakano abafu lwe baliwulira eddoozi ly'Omwana wa Katoada, n'abo abaliwulira baliba balamu.
- 26 Kubanga Kitange bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye;
- 27 era yamuwa obuyinza okusala omusango, kubanga ye Mwana w'omuntu.
- 28 Temwewuunya ekyo: kubanga ekiseera kijja bonna abali mu ntaana lwe baliwulira eddoozi lye,
- 29 ne bavaamu; abo abaakolanga ebirungi balizuukirira obulamu; n'abo abaakolanga ebitasaana balizuukirira omusango.
- 30 Nze siyinja kukola kintu ku bwange: nga bwe mpulira, bwe nsala: n'omusango gwe nsala gwa nsonga; kubanga sinoonya bye njagala nze, wabula eyantuma by'ayagala.
- 31 Bwe nneetegeeza ebyange nze, okutegeeza kwange si kwa mazima.
- 32 Waliwo omulala ategeeza ebyange; nange mmanyi nti ebyange by'ategeeza bya mazima.
- 33 Mmwe mwatumira Yokaana naye n'ategeeza amazima.
- 34 Naye okutegeeza kw'omuntu sikukkiriza nze: naye njogera ebyo mmwe mulokoke.
- 35 Oyo yali ttabaaza eyaka, emasamasa, nammwe mwayagala ekiseera kitono okusanyukira okutangaala kwe.
- 36 Naye okutegeeza kwe nnina kwe kukulu okusinga okwa Yokaana: kubanga emirimu Kitange gye yampa okutuukiriza, emirimu gyennyini gye nkola, gye gitegeeza ebyange nga Kitange ye yantuma.
- 37 Era Kitange eyantuma oyo ye yategeeza ebyange. Temwawulira ddoozi lye n'akatono, newakubadde okulaba ekifaananyi kye.
- 38 So temulina kigambo kye nga kibeera mu mmwe: kubanga oyo gwe yatuma temumukkiriza.
- 39 Munoonya mu byawandiikibwa, kubanga mmwe mulowooza nti mu byo mulina obulamu obutaggwaawo; n'ebyo bye bitegeeza ebyange;
- 40 era temwagala kujja gye ndi okubeera n'obulamu.
- 41 Siweebwa bantu kitiibwa.
- 42 Naye mbatedgedde mmwe ng'okwagala kwa Katonda tekubaliimu.
- 43 Nze najja mu linnya lya Kitange, naye temunsembeza; omulala bw'alijja mu linnya lye ku bubwe mulimusembeza.
- 44 Mmwe muyinza mutya okukkiriza bwe mwagala okuweebwa ekitiibwa mwekka na mwekka ne mutanoonya kitiibwa ekiva eri Katonda ali omu yekka?
- 45 Temulowooza nti nze ndibalooza eri Kitange: gyali abalooza, ye Musa gwe musubira.
- 46 Kuba singa mukkiriza Musa, nange mwandinzikirizza; kubanga yampandiikako nze.
- 47 Naye bwe mutakkiriza oyo bye yawandiika, mulikkiriza mutya ebigambo byange?

Essuula 6

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'agenda emitala w'ennyanja ey'e Ggaliraaya ey'e Tiberiya.
- 2 Ekibiina ekinene ne kimugoberera kubanga baalaba obubonero bwe yakola ku balwadde.
- 3 Yesu n'alinnya ku lusozi n'atuula eyo n'abayigirizwa be.
- 4 N'Okuyitako, embaga y'Abayudaaya, kwali kunaatera okutuuka.

- 5 Awo Yesu n'ayimusa amaaso, n'alaba ekibiina ekinene nga kijja gy'ali, n'agamba Firipo nti Tunaagula wa emmere, bano gye banaalya?
- 6 Yayogera atyo kumukema, ng'amanyi yekka ky'agenda okukola.
- 7 Firipo n'amuddamu nti Emmere egulibwa dinaali ebikumi ebibiri teebabune, buli muntu okulyako akatono.
- 8 Omu ku bayigirizwa be, ye Andereya muganda wa Simooni Peetero, n'amugamba nti
- 9 Waliwo omulenzi wano alina emigaati etaano egya sayiri n'ebyennyanya bibiri; naye bino binaabagasa ki abenkanidde awo obungi?
- 10 Yesu n'agamba nti Mutuuze abantu. Era waaliwo omuddo mungi mu kifo ekyo. Awo abasajja ne batuula, omuwendo ng'enkumi ttaano.
- 11 Awo Yesu n'atoola emigaati; ne yeebaza; n'agabira bali abatudde; n'ebyennyanya bw'atyo nga bwe baayagala.
- 12 Bwe bakkuta n'agamba abayigirizwa be nti Mukuaanye obukunkumuka obusigad-dewo, waleme okubula ekintu.
- 13 Awo ne babukuaanya ne bajjuza ebibbo kkumi na bibiri n'obukunkumuka obw'emi-gaati etaano egya sayiri, bali abaalya bwe baalemwa.
- 14 Awo abantu bwe baalaba akabonero ke yakola, ne bagamba nti Mazima ono ye nnabbi oyo ajja mu nsi.
- 15 Awo Yesu bwe yategeera nga bagenda okujja okumukwata, bamufuule kabaka, n'addayo nate ku lusozi yekka.
- 16 Naye obudde bwe bwawungeera, abayigirizwa be ne baserengeta ku nnyanja;
- 17 ne basaabala mu lyato, baali bawunguka ennyanja okugenda e Kaperunawumu. N'obudde bwali buzibye nga ne Yesu tannaba kutuuka gye bali.
- 18 Ennyanja n'esiikuuka, omuyaga mungi nga gukunta.
- 19 Awo bwe baamala okuvuga esutadyo ng'amakumi abiri mu ttaano, oba makumi asatu, ne balaba Yesu ng'atambulira ku nnyanja, ng'asemberera eryato; ne batya.
- 20 Naye n'abagamba nti Nze nzuuno, temutya.
- 21 Awo ne bakkiriza okumuyingiza mu lyato; amangu ago eryato ne ligoba ku ttale gye baali bagenda.
- 22 Olunaku olw'okubiri, ekibiina ekyali kiyimiridde emitala w'ennyanja bwe baalaba nga teriiyo lyato ddala, wabula erimu, era nga ne Yesu tasaabadde wamu mu lyato n'abayigirizwa be, naye abayigirizwa be nga bagenda bokka,
- 23 (naye amaato amalala gaava e Tiberiya nga gagoba kumpi ne gye baaliira emigaati Mukama waffe bwe yamala okwebaza):
- 24 awo ekibiina bwe baalaba nga Yesu taliyo, newakubadde abayigirizwa be, bo ben-nyini ne basaabala mu maato gali ne bajja e Kaperunawumu, nga banoonya Yesu.
- 25 Bwe baamulabira emitala w'ennyanja ne bamugamba nti Labbi, ozze ddi wano?
- 26 Yesu n'abaddamu n'agamba nti Ddala ddala mbagamba nti Munnoonya si kubanga mwalaba obubonero naye kubanga mwalya ku migaati ne mukuta.
- 27 Temukolerera kyakulya ekiggwaawo, naye ekyokulya ekirwawo okutuuka ku bulamu obutaggwaawo, Omwana w'omuntu ky'alibawa: kubanga KitafFe ye Katonda amus-sizzaako oyo akabonero.
- 28 Awo ne bamugamba nti Tugire tutya okukola emirimu gya Katonda?
- 29 Yesu n'addamu n'abagamba nti Guno gwe mulimu gwa Katonda, okukkiriza oyo gwe yatuma.
- 30 Awo ne bamugamba nti Kale kabonero ki ggwe k'okola, tulabe, tukukkirize? okola mulimu ki?
- 31 Bajjajjaffe baaliiranga emmaanu mu ddungu; nga bwe kyawandiikibwa nti Yabawa emmere okulya eyava mu ggulu.
- 32 Awo Yesu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Musa si ye yabawa emmere

- eyava mu ggulu; naye Kitange ye yabawa emmere ey'amazima eva mu ggulu.
- 33** Kubanga emmere ya Katonda ye eyo eva mu ggulu ereetera ensi obulamu.
- 34** Awo ne bamugamba nti Mukama waffe, tuwenga bulijjo emmere eyo.
- 35** Yesu n'abagamba nti Nze mmere ey'obulamu: ajja gye ndi enjala terimuluma, anzikiriza ennyonta terimuluma n'akatono.
- 36** Naye n'abagamba nti mundabye, era temukkirizza.
- 37** Buli Kitange gw'ampa, alijja gye ndi: ajja gye ndi sirimugobera bweru n'akatono.
- 38** Kubanga saava mu ggulu kukola kye njagala nze, wabula oli eyantuma ky'ayagala.
- 39** Eyantuma ky'ayagala kino mu bonna be yampa aleme okumbula n'omu naye mmuzuukirize ku lunaku olw'enkomerero.
- 40** Kubanga Kitange ky'ayagala kye kino buli muntu yenna alaba Omwana n'amukkiriza abe n'obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.
- 41** Awo Abayudaaya ne bamwemulugunyira kubanga yagamba nti Nze mmere eyava mu ggulu.
- 42** Ne bagamba nti Ono si ye Yesu omwana wa Yusufu, gwe tumanyiiko kitaawe ne nnyina? kaakano agamba atya nti Nnava mu ggulu?
- 43** Yesu n'addamu n'abagamba nti Temwemulugunya mwekka na mwekka.
- 44** Tewali ayinza kujja gye ndi Kitange eyantuma bw'atamuwalula; nange ndimuzuukiriza ku lunaku olw'enkomerero.
- 45** Kyawandiikibwa mu bannabbi nti Ne bonna baliyigirizibwa Katonda. Buli eyawulira Kitange n'ayiga, ajja gye ndi.
- 46** Si kubanga waliwo omuntu eyali alabye ku Kitange, wabula eyava eri Katonda, oyo ye yalaba Kitange.
- 47** Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza alina obulamu obutaggwaawo.
- 48** Nze mmere ey'obulamu.
- 49** Bajjajja bammwe baaliiranga emmaanu mu ddungu, ne bafa.
- 50** Eno ye mmere eva mu ggulu, omuntu agiryeko, aleme okufa.
- 51** Nze mmere ennamu eyava mu ggulu: omuntu bw'alya ku mmere eno aliba mulamu emirembe n'emirembe: era emmere gye ndigaba gwe mubiri gwange, olw'obulamu bw'ensi.
- 52** Awo Abayudaaya ne bawakana bokka na bokka, nga bagamba nti Ono ayinza atya okutuwa omubiri gwe okugulya?
- 53** Awo Yesu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa muntu ne munywa omusaayi gwe, temulina bulamu mu mmwe.
- 54** Alya omubiri gwange, era anywa omusaayi gwange, alina obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiriza ku lunaku olw'enkomerero.
- 55** Kubanga omubiri gwange kye kyokulya ddala, n'omusaayi gwange kye kyokunywa ddala.
- 56** Alya omubiri gwange, era anywa omusaayi gwange, abeera mu nze, nange mu ye.
- 57** Nga Kitange omulamu bwe yantuma, nange bwe ndi omulamu ku bwa Kitange; bw'atyo andya ye aliba omulamu ku bwange.
- 58** Eno ye mmere eyava mu ggulu: si nga bajjajja bwe baalya ne bafa: alya emmere eno aliba mulamu emirembe n'emirembe.
- 59** Ebyo yabyogerera mu kkuaaniro ng'ayigiriza mu Kaperunawumu.
- 60** Awo bangi ab'omu bayigirizwa be bwe baawulira ne bagamba nti Ekigambo ekyo kizibu; ani ayinza okukiwuliriza?
- 61** Naye Yesu bwe yamanya munda mu ye nti abayigirizwa be beemulugunyira kino, n'abagamba nti Kino kibeessitaza?
- 62** kale kiriba kitya bwe muliraba Omwana w'omuntu ng'alinnya gye yali olubereberye?
- 63** Omwoyo gwe guleeta obulamu; omubiri teguliiko kye gugasa: ebighambo bye

mbagambye gwe mwoyo, bwe bulamu.

- 64 Naye waliwo abalala mu mmwe abatakiriza. Kubanga Yesu yamanya okuva ku lubereberye abatakiriza bwe baali, era n'agenda okumulyamu olukwe bw'ali.
- 65 N'agamba nti Kyenvudde mbagamba nti Tewali ayinza kujja gye ndi bw'atakiweebwa Kitange.
- 66 Ab'oku bayigirizwa be bangi kyebaava baddirira, ne bataddayo kutambulira wamu naye nate.
- 67 Awo Yesu n'agamba ekkumi n'ababiri nti Era nammwe mwagala okugenda?
- 68 Simooni Peetero n'amuddamu nti Mukama waffe, tunaagenda eri ani? Olina ebigambo eby'obulamu obutaggwaawo.
- 69 Naffe tukkirizza ne tutegeera nga ggwe oli Mutukuvu wa Katonda.
- 70 Yesu n'abaddamu nti Si nze nnabalonda mmwe ekkumi n'ababiri, era omu ku mmwe ye setaani?
- 71 Yayogera ku Yuda omwana wa Simooni Isukalyoti, kubanga ye yali agenda kumulyamu olukwe, ye omu ku kkumi n'ababiri.

Essuula 7

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'atambula mu Ggaliraaya: kubanga teyayagala kutambula mu Buyudaaya kubanga Abayudaaya baali basala amagezi okumutta.
- 2 Naye embaga y'Abayudaaya yali enaatera okutuuka, ye y'ensiisira.
- 3 Awo baganda be ne bamugamba nti Va wano, ogende e Buyudaaya, abayigirizwa bo nabo balabe emirirnu gyo gy'okola.
- 4 Kubanga tewali akolera kigambo mu kyama wabula nga naye yennyini ayagala amanyike mu lwatu. Bw'okola ebyo, weyoleke eri ensi.
- 5 Kubanga ne baganda be tebaamukkiriza.
- 6 Awo Yesu n'abagamba nti Ekiseera kyange tekinnaba kutuuka; naye ekiseera kyammwe ennaku zonna kibeerawo nga kyeteeseese.
- 7 Ensi teyinza kukyawa mmwe; naye ekyawa nze, kubanga nze ntegeeza ebyayo nti emirimu gyayo mibi.
- 8 Mmwe mwambuke ku mbaga: nze sinnaba kwambuka ku mbaga eno; kubanga ekiseera kyange tekinnaba kutuukirizibwa.
- 9 Bwe yamala okubagamba ebyo n'asigala e Ggaliraaya.
- 10 Naye baganda be bwe baamala okwambuka ku mbaga, naye n'ayambuka, si lwatu, naye nga mu kyama.
- 11 Awo Abayudaaya ne bamunoonya ku mbaga, ne bagamba nti Ali ludda wa?
- 12 Ne waba okumuunyamuunya kungi mu bibiina. Abalala ne bagamba ku ye nti Mulungi; abalala ne bagamba nti Nedda, naye akyamya ekibiina.
- 13 Naye teawaali yamwogerako lwatu kubanga baatya Abayudaaya.
- 14 Awo mu mbaga wakati Yesu n'ayambuka ku yeekaalu, n'ayigiriza.
- 15 Abayudaaya ne beewuunya ne bagamba nti Ono amanya atya okusoma nga tayigirizibwangako?
- 16 Awo Yesu n'abaddamu n'agamba nti Okuyigiriza kwange si kwange, naye kw'oli eyantuma.
- 17 Omuntu bw'ayagala okukola oli by'ayagala, alitegeera okuyigiriza kuno oba nga kwava eri Katonda, oba nga nze njogera bya magezi gange.
- 18 Ayogera eby'amagezi ge, anoonya ekitiibwa kye ye: naye anoonya ekitiibwa ky'oyo eyamutuma, oyo wa mazima, so obutali butuukirivu tebuli mu ye.
- 19 Musa teyabawa mateeka, so mu mmwe tewali akwata amateeka? Musalira ki amagezi okunzita?

- 20 Ekibiina ne baddamu nti Oliko dayimooni: ani asala amagezi okukutta?
- 21 Yesu n'addamu n'agamba nti Nnakola omulimu gumu, nammwe mwenna mwewu-
unya.
- 22 Musa kyeyava abawa okukomola (si kubanga kwa Musa naye kwa bajjajja); ne ku
ssabbiiti mukomola omuntu.
- 23 Omuntu bw'akomolebwa ku ssabbiiti, amateeka ga Musa galeme okusoba; munsun-
guwalira kubanga nnafuula omuntu omulamu ddala ku ssabbiiti?
- 24 Temusalanga musango okusenziira ku ndabika, naye musalenga omusango
ogw'ensonga.
- 25 Awo abamu ab'omu Yerusaalemi ne bagamba nti Gwe banoonya okutta si ye wuuno?
- 26 Naye, laba, ayogera lwatu, so tebaliiko kye bamugamba. Abakulu bamanyidde ddala
ng'ono ye Kristo?
- 27 Naye ono tumanyi gy'ava: naye Kristo bw'ajja, tewali ategeera gy'ava.
- 28 Awo Yesu n'ayogerera waggulu mu yeekaalu ng'ayigiriza n'agamba nti Nze mum-
manyi, era ne gye nva mumanyiiyo; nange sajja ku bwange nzekka, naye oli eyantuma
ye wa mazima, gwe mutamanyi mmwe.
- 29 Nze mummanyi; kubanga nava gy'ali, era ye yantuma.
- 30 Awo bali ne basala amagezi okumukwata, naye tewaali eyamuteekako omukono,
kubanga ekiseera kye kyali nga tekinnaba kutuuka.
- 31 Naye bangi ab'omu kibiina ne bamukkiriza; ne bagamba nti Kristo bw'alijja, alikola
obubonero bungu okusinga ono bwe yakola?
- 32 Abafalisaayo ne bawulira ekibiina nga bamwemuunyamuunyaamu batyo; bakabona
abakulu n'Abafalisaayo ne batuma abambowa okumukwata.
- 33 Awo Yesu n'agamba nti Esigaddeyo ebbanga ttono nga nkyali nammwe, ndyoke ende
gy'ali eyantuma.
- 34 Mulinnoonya, so temulindaba; era gye ndi, mmwe temuyinza kujjajo.
- 35 Awo Abayudaaya ne boogeragana bokka na bokka nti Ono ayagala kugenda wa, ffe
gye tutalimulabira? Ayagala kugenda eri abo abaasaasaanira mu Bayonaani, ayigirize
Abayonaani?
- 36 Kigambo ki ekyo ky'agamba nti Mulinnoonya, so temulindaba; era gye ndi, mmwe
temuyinza kujjajo?
- 37 Naye ku lunaku olw'enkomerero, lwe lukulu olw'embaga, Yesu yayimirira n'ayoger-
era waggulu, n'agamba nti Omuntu bw'alumwa ennyonta, ajje gye ndi anywe.
- 38 Akkiriza nze, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu
girifuluma mu lubuto lwe.
- 39 Ekyo yakyogera ku Mwoyo, gwe baali bagenda okuweebwa abamukkiriza; kubanga
Omwoyo yali tannaba kugabibwa; kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa.
- 40 Awo ab'omu kibiina bwe baawulira ebigambo ebyo ne bagamba nti Mazima, ono ye
nnabbi oli.
- 41 Abalala ne bagamba nti Ono ye Kristo. Naye abalala ne bagamba nti Nedda, Kristo
ava mu Ggaliraaya?
- 42 Ekyawandiikibwa tekigamba nti Kristo ava mu zzadde lya Dawudi, mu Besirekemu,
embuga Dawudi mwe yali?
- 43 Bwe kityo ne wabaawo okwawukana mu kibiina ku lulwe.
- 44 Abalala ne baagala okumukwata, naye tewali eyamussaako emikono.
- 45 Awo abambowa ne baddayo eri bakabona abakulu n'Abafalisaayo; nabo ne
babagamba nti Ekibalobedde ki okumuleeta?
- 46 Abambowa ne baddamu nti Tewali muntu eyali ayogedde bw'atyo.
- 47 Awo Abafalisaayo ne babaddamu nti Era nammwe abakyamizza?
- 48 Aluwa mu bakulu eyamukkiriza, oba mu Bafalisaayo?

- 49 Naye ekibiina kino abatategeera mateeka bakolimiddwa.
- 50 Nikoodemo (ye yajja gy'ali edda, ye munnaabwe) n'abagamba nti
- 51 Ye mpisa yaffe okusalira omuntu omusango nga tebannawulira bigambo bye n'okutegeera ky'akoze?
- 52 Ne baddamu ne bamugamba nti Naawe wava Ggaliraaya? Noonya, olabe, nnabbi tava mu Ggaliraaya,
- 53 Buli muntu n'addayo eka.

Essuula 8

- 1 Naye Yesu n'agenda ku lusozi olwa Zeyituuni.
- 2 N'akeera mu makya n'ajja nate mu yeekaalu, abantu bonna ne bajja gy'ali; n'atuula, n'abayigiriza.
- 3 Abawandiisi n'Abafalisaayo ne baleeta omukazi gwe bakutte ng'ayenda; ne bamussa wakati,
- 4 ne bamugamba nti Omuyigiriza, omukazi ono bamukutte ng'ayenda bamusisinkanirizza.
- 5 Naye mu mateeka Musa yatulagira okubakubanga amayinja abakola bwe batyo: kale ggwe oyogera otya ku ye?
- 6 Baayogera bati nga bamukema, babe n'ekigambo kye banaamuloopa. Naye Yesu n'akutama, n'awandiika n'engalo ku ttaka.
- 7 Naye bwe baayongera okumubuuza, ne yeegolola n'abagamba nti Mu mmwe atayonoonangako, asooke okumukuba ejjinja.
- 8 N'akutama nate, n'awandiika n'engalo ku ttaka.
- 9 Nabo bwe baawulira ne bafuluma ebweru musoolesoole, abakadde be baasooka, okutuusa ku b'enkomerero: Yesu n'asigalawo yekka, n'omukazi we yali wakati.
- 10 Yesu ne yeegolola, n'amugamba nti Omukyala, bazze wa? tewali asaze kukusinga?
- 11 Naye n'agamba nti Mpaawo muntu, Mukama wange. Yesu n'agamba nti Nange sisala kukusinga: genda; okusooka leero toyonoonanga lwa kubiri.
- 12 Awo Yesu n'ayogera nabo nate, n'agamba nti Nze musana gw'ensi: angoberera taatambulirenga mu kizikiza, naye anaabanga n'omusana ogw'obulamu.
- 13 Awo Abafalisaayo ne bamugamba nti Ggwe weetegeeza wekka; okutegeeza kwo si kwa mazima.
- 14 Yesu n'addamu n'abagamba nti Newakubadde nga nneetegeeza nzekka, okutegeeza kwange kwa mazima; kubanga mmanyi gye nnavu, ne gye enda; naye mmwe temumanyi gye nva, newakubadde gye enda.
- 15 Mmwe musala omusango ng'omubiri bwe guli; nze sisalira muntu musango.
- 16 Naye newakubadde nga nze nsala omusango, okusala kwange kwa mazima; kubanga nze siri omu, naye nze ne Kitange eyantuma.
- 17 Era naye ne mu mateeka gammwe kyawandiikibwa nti okutegeeza kw'abantu ababiri kwa mazima.
- 18 Nze nneetegeeza nzekka, ne Kitange eyantuma ategeeza ebyange.
- 19 Awo ne bamugamba nti Kitaawo ali ludda wa? Yesu n'addamu nti Nze temumanyi, newakubadde Kitange. Singa mumanyi nze, ne Kitange mwandimumanye.
- 20 Ebigambo ebyo yabyogerera mu ggwanika, bwe yali ng'ayigiriza mu yeekaalu: so teawaali eyamukwata, kubanga ekiseera kye kyali nga tekinnaba kutuuka.
- 21 Awo n'abagamba nate nti Nze enda, nammwe mulinnoonya, mulifira mu kibi kyammwe: nze gye enda, mmwe temuyinza kujjaye.
- 22 Awo Abayudaaya ne bagamba nti Anetta, kubanga agamba nti Nze gye enda mmwe temuyinza kujjaye?

- 23 N'abagamba nti Mmwe muli ba wansi, nze ndi wa waggulu; mmwe muli ba mu nsi muno, nze siri wa mu nsi muno.
- 24 Kyennava mbagamba nti Mulifiira mu bibi byammwe. Kubanga bwe mutakkiriza nga nze wuuyo, mulifiira mu bibi byammwe.
- 25 Awo ne bamugamba nti Ggwe ani? Yesu n'abagamba nti Nga bwe nnabagambanga okuva ku lubereberye.
- 26 Nnina bingi eby'okuboogerako n'okubasalira omusango; naye oli eyantuma ye wa mazima; nange bye nnawulira gy'ali bye biibyo bye njogera eri ensi.
- 27 Tebaategeera ng'abagambye ku Kitaffe.
- 28 Awo Yesu n'agamba nti Bwe mulimala okuwanika Omwana w'omuutu ne mulyoka mutegeera nga nze wuuyo, so nze siriiko kye nkola ku bwange, naye nga Kitange bwe yanjigiriza, bwe njogera bwe ntyo.
- 29 N'oli eyantuma ali nange; Kitange tandekanga nzekka; kubanga nkola bulijjo by'asi-ima.
- 30 Bwe yayogera ebigambo ebyo, abantu bangi ne bamukkiriza.
- 31 Awo Yesu n'agamba Abayudaaya bali abaamukkiriza nti Bwe munywerera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala;
- 32 era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe.
- 33 Ne bamuddamu nti Ffe tuli zzadde lya Ibulayimu, so tetufugibwanga muntu yenna: oyogera otya ggwe nti Mulifuuka ba ddembe?
- 34 Yesu n'abaddamu nti Ddala ddala mbagamba nti Buli muntu yenna akola ebibi, ye muddu w'ekibi.
- 35 Omuddu tabeerera mu nnyumba mirembe na mirembe: omwana abeerera emirembe n'emirembe.
- 36 Kale Omwana bw'alibafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala.
- 37 Mmanyi nti muli zzadde lya Ibulayimu: naye musala amagezi okunzita, kubanga ekigambo kyange tekyeyabya mu mmwe.
- 38 Nze njogera bye nnalaba eri Kitange: kale nammwe mukola bye mwawulira eri kita-mmwe.
- 39 Ne baddamu ne bamugamba nti Ibulayimu ye kitaffe. Yesu n'abagamba nti Singa mubadde baana ba Ibulayimu, mwandikoze ebikolwa bya Ibulayimu.
- 40 Naye kaakano musala amagezi okunzita omuntu ababuulidde eby'amazima, bye nnawulira eri Katonda: Ibulayimu teyakola bw'atyo.
- 41 Mmwe mukola emirimu gya kitammwe. Ne bamugamba nti Ffe tetuli baana beebolereze; tulina Kitaffe omu, ye Katonda.
- 42 Yesu n'abagamba nti Singa Katonda ye Kitammwe, mwandinjagadde nze: kubanga nnava eri Katonda, ne njija, so sajja ku lwange nzekka, naye oyo ye yantuma.
- 43 Kiki ekibalobedde okutegeera enjogera yange? Kubanga temuyinza kuwulira kigambo kyange.
- 44 Mmwe muli ba kitammwe Setaani, era mwagala okukola okwegomba kwa kitammwe. Oyo okuva ku lubereberye ye mussi, so teyanywerera mu mazima, kubanga amazima tegaali mu ye. Bw'ayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitaawe w'obulimba.
- 45 Naye kubanga njogera amazima, temunzikiriza.
- 46 Ani ku mmwe annimiriza ekibi? Bwe njogera amazima kiki ekibalobedde okunzikiriza?
- 47 Owa Katonda awuira ebigambo bya Katonda; mmwe kyemuva mulema okuwulira, kubanga temuli ba Katonda.
- 48 Abayudaaya ne baddamu ne bamugamba nti Tetwogera bulungi ffe nti Ggwe oli Musamaliya, era oliko dayimooni?

- 49 Yesu n'addamu nti Siriiko dayimooni; naye nze nzisaamu ekitiibwa Kitange, nammwe temunzisaamu kitiibwa.
- 50 Naye nze sinoonya kitiibwa kyange; w'ali anoonya era asala omusango.
- 51 Ddala ddala mbagamba nti Omuntu bw'akwata ekigambo kyange taliraba kufa emirembe n'emirembe.
- 52 Abayudaaya ne bamugamba nti Kaakano tutedgedde ng'oliko dayimooni. Ibulayimu yafa ne bannabbi; naawe ogamba nti Omuntu bw'akwata ekigambo kyange, talirega ku kufa emirembe n'emirembe.
- 53 Ggwe mukulu okukira jjajjaffe Ibulayimu eyafa? ne bannabbi baafa: weeyita ani?
- 54 Yesu n'addamu nti Bwe nneegulumiza nzekka, okugulumira kwange kuba kwa busa: angulumiza ye Kitange: mmwe gwe mwogerako nti ye Katonda wammwe:
- 55 so temumutegeeranga: naye nze mmumanyi; bwe nnaagamba nti Simumanyi, nnaafaanana nga mmwe, mulimba: naye mmumanyi, era nkwata ekigambo kye.
- 56 Ibulayimu jjajjammwe yasanyuka okulaba olunaku lwange; n'alulaba n'asanyuka.
- 57 Awo Abayudaaya ne bamugamba nti Tonnaba kuweza myaka makumi ataano, naye Ibulayimu wamulaba?
- 58 Yesu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Ibulayimu nga tannaba kuzaalibwa, Nze nga wendi.
- 59 Awo ne baddira amayinja okumukuba: naye Yesu ne yeekweka, n'afuluma mu yeekaalu.

Essuula 9

- 1 Bwe yali ng'ayita, n'alaba omuntu eyazaalibwa nga muzibe wa maaso.
- 2 Abayigirizwa be ne bamubuuza, nga bagamba nti Labbi, ani eyayonoona, ono oba abazadde be, kye kyamuzaaza nga muzibe wa maaso?
- 3 Yesu n'addamu nti Ono teyayonoona, newakubadde abazadde be, naye emirimu gya Katonda girabikire ku ye.
- 4 Ffe kitugwanira okukola emirimu gy'oyo eyantuma, obudde nga misana. Ekiro kijja omuntu mw'atayinziza kukolera.
- 5 Bwe mba mu nsi, ndi musana gwa nsi.
- 6 Bwe yamala okwogera bw'atyo, n'awanda amalusu ku ttaka, n'atabula ettaka n'amalusu, n'amusiiga ettaka ku maaso,
- 7 n'amugamba nti Genda, onaabe mu kidiba kya Sirowamu (okutegeezebwa kwakyo nti Eyatumibwa). Awo n'agenda, n'anaaba, n'akomawo ng'alaba.
- 8 Awo baliraanwa be n'abaamulabanga edda ng'atudde ng'asabiriza, ne bagamba nti Si ye wuuno eyatuulanga ng'asabiriza?
- 9 Abalala ne bagamba nti Ye wuuyo: abalala ne bagamba nti Nedda, naye afaanana naye. Ye n'agamba nti Nze nzuuno.
- 10 Awo ne bamugamba nti Kale amaaso go gaazibuka gatya?
- 11 Ye n'addamu nti Omuntu ayitibwa Yesu yatabula ettaka, n'ansiiga ku maaso, n'aamba nti Genda ku Sirowamu, onaabe: awo ne enda, ne nnaaba, ne nzibula.
- 12 Ne bamugamba nti Ali ludda wa oyo? N'agamba nti Simanyi.
- 13 Ne bamutwala eri Abafalisaayo oli eyali edda omuzibe w'amaaso.
- 14 Naye lwali lwa ssabbiiti olunaku olwo Yesu lwe yatabulirako ettaka, n'amuzibula amaaso.
- 15 Awo Abafalisaayo ate ne bamubuuza bwe yazibula. N'abagamba nti Yansiiga ttaka ku maaso, ne nnaaba, ne nzibula.
- 16 Awo Abafalisaayo abamu ne bagamba nti Omuntu oyo si wa Katonda, kubanga takwata ssabbiiti. Naye abalala ne bagamba nti Omuntu alina ebibi ayinza atya okukola

obubonero obwenkanidde wano? Ne wabaawo okwawukana mu bo.

- 17 Awo ne bamugamba nate omuzibe w'amaaso nti Ggwe omuyita otya, kubanga yakuzibula amaaso? Naye n'agamba nti Ye nnabbi.
- 18 Kale Abayudaaya tebakiriza bigambo bye, nga yali muzibe w'amaaso n'azibula, okutuusa lwe baamala okuyita abazadde b'eyazibula
- 19 ne bababuuza nga bagamba nti Ono ye mwana wammwe mmwe gwe mugamba nti yazaalibwa nga muzibe w'amaaso? kale kaakano alaba atya?
- 20 Abazadde be ne baddamu ne bagamba nti Tumanyi ng'ono ye mwana waffe, era nga yazaalibwa nga muzibe wa maaso:
- 21 naye bw'alaba kaakano tetumanyi: so n'eyamuzibula amaaso ffe tetumanyi bw'ali: mumubuuze; musajja mukulu; aneeyogerera yekka.
- 22 Abazadde ekyaboogezza bwe batyo kubanga baali batya Abayudaaya; kubanga Abayudaaya baali nga bamaze okulagaana buli muntu anaamwatulanga okuba Kristo, agobebwenga mu kkuaaniro.
- 23 Abazadde be kyebaava boogera nti Musajja mukulu; mumubuuze ye.
- 24 Awo ne bayita omulundi ogw'okubiri oli omuntu eyali omuzibe w'amaaso, ne bamugamba nti Gulumiza Katonda: ffe tumanyi ng'omuntu oyo alina ebibi.
- 25 Ye n'addamu nti Oba ng'alina ebibi simanyi; ekigambo kimu kye mmanyi nti Nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba.
- 26 Awo ne bamugamba nti Yakukola atya? yakuzibula atya amaaso go?
- 27 N'abaddamu nti Mmaze okubabuulira naye temuwulidde: ekibaagaza okuwulira omulundi ogw'okubiri kiki? era nammwe mwagala okufuuka abayigirizwa be?
- 28 Ne bamuvuma, ne bagamba nti Ggwe oli muyigirizwa we: naye ffe tuli bayigirizwa ba Musa.
- 29 Ffe tumanyi nga Katonda yayogera ne Musa: naye omuntu oyo tetumumanyi gy'ava.
- 30 Omuntu n'addamu n'abagamba nti Kino kitalo! mmwe obutamanya gyava, omuntu eyasobola okunzibula amaaso!
- 31 Tumanyi nga Katonda tawulira balina bibi; naye buli muntu atya Katonda, ng'akola ky'ayagala, oyo amuwulira.
- 32 Okuva edda n'edda tewawulirwanga nga waaliwo omuntu eyazibula amaaso g'omuntu eyazaalibwa nga muzibe wa maaso.
- 33 Omuntu oyo singa teyava wa Katonda, teyandiyinzizza kukola kigambo.
- 34 Ne baddamu ne bamugamba nti Ggwe wazaalibwa mu bibi byereere, naawe otuyigiriza ffe? Ne bamusindikira ebweru.
- 35 Yesu n'awulira nga bamusindikidde ebweru; n'amulaba n'agamba nti Ggwe okkiriza Omwana wa Katonda?
- 36 Ye n'addamu, n'agamba nti Mukama wange, ye ani, mmukkirize?
- 37 Yesu n'amugamba nti Omulabye, era ayogera naawe ye wuuyo.
- 38 Ye n'agamba nti Mukama wange, nzikirizza. N'amusinza.
- 39 Yesu n'agamba nti Omusango gwe gwandeeta mu nsi muno, abatalaba balabe, n'abo abalaba babe bazibe ba maaso.
- 40 Abafalisaayo abalala abaali naye ne bawulira bwe batyo, ne bamugamba nti Naffe tuli bazibe ba maaso?
- 41 Yesu n'abagamba nti Singa mubadde bazibe ba maaso, temwandibadde na kibi; naye kaakano mugamba nti Tulaba: ekibi kyammwe kibeerera awo.

Essuula 10

- 1 Ddala ddala mbagamba nti Atayita mu mulyango ng'ayingira mu kisibo ky'endiga, naye n'alinyira awalala, oyo ye mubbi era omunyazi.

- 2 Naye ayita mu mulyango, ye musumba w'endiga.
- 3 Oyo omuggazi amuggulirawo; n'endiga zimuwulira eddoozi: aziyita endiga ze amannya; azifulumya ebweru.
- 4 Bw'amala okufulumya ezize zonna, azikulembera, n'endiga zimugoberera: kubanga zimumanyi eddoozi.
- 5 Omulala tezirimugoberera, naye zirimudduka buddusi: kubanga tezimanyi ddoozi lya balala.
- 6 Yesu n'abagerera olugero luno, naye bo tebaategeera bigambo bwe biri bye yabagamba.
- 7 Awo Yesu n'abagamba nate nti Ddala ddala mbagamba nti Nze mulyango gw'endiga.
- 8 Bonna abansooka baali babbi era abanyazi: naye endiga tezaabawulira.
- 9 Nze mulyango: omuntu bw'ayingirira mu nze alirokoka, aliyingira, alifuluma, aliraba eddundiro.
- 10 Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi.
- 11 Nze musumba omulungi: omusumba omulungi awaayo obulamu bwe olw'endiga.
- 12 Alundirira empeera, atali musumba, endiga nga si zize ye, bw'alaba omusege nga gujja, aleka endiga n'adduka, n'omusege guzisikula guzisaasanya.
- 13 Adduka kubanga wa mpeera, so endiga tazissaako mwoyo.
- 14 Nze musumba omulungi: era ntegeera ezange, n'ezange zitegeera
- 15 nga Kitange bw'antegeera, nange mpaayo obulamu bwange olw'endiga.
- 16 Era nnina n'endiga endala ezitali za mu kisibo kino: nazo kiwanira okuzireeta, ziriwulira eddoozi lyange; era ziriba ekisibo kimu, omusumba omu.
- 17 Kitange kyava anjagala, kubanga nze mpaayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate.

- 18 Tewali abunziyako, naye nze nzekka mbuwaayo. Nnina obuyinza obw'okubuwaayo, era nnina obuyinza obw'okubutwala nate. Ekiragiro ekyo nakiweebwa Kitange.
- 19 Ne wabaawo nate okwawukana mu Bayudaaya olw'ebigambo ebyo.
- 20 Abamu ku bo bangi ne bagamba nti Aliko dayimooni era alaluse; mumuwulirira ki?
- 21 Abalala ne bagamba nti Ebigambo bino si bya muntu aliko dayimooni. Dayimooni ayinza okuzibula amaaso ga bamuzibe?
- 22 Yali mbaga ey'okutukuza mu Yerusalemi; byali biro bya mpewo;
- 23 Yesu n'atambulira mu yeekaalu mu kisasi kya Sulemaani.
- 24 Awo Abayudaaya ne bamwetooolola, ne bamugamba nti Olituusa wa okutubuisisabusisa? Oba nga ggwe Kristo, tubuulirire ddala.
- 25 Yesu n'abaddamu nti Nnabagamba, naye temukkiriza: emirimu gye nkola mu linnya lya Kitange, gye gintegeeza nze.
- 26 Naye mmwe temukkiriza kubanga temuli ba mu ndiga zange.
- 27 Endiga zange ziwulira eddoozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera;
- 28 nange nziwa obulamu obutaggwaawo; so tezibula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange.
- 29 Kitange eyazimpa ye mukulu okusinga bonna, so tewali ayinza okuzisikula mu mukono gwa Kitange.
- 30 Nze ne Kitange tuli omu.
- 31 Abayudaaya ne baddirira nate amayinja okumukuba.
- 32 Yesu n'abaddamu nti Emirimu mingi emirungi egyava eri Kitange nagibalaga mmwe; mulimu gulwa mu egyo ogubankubya amayinja?
- 33 Abayudaaya ne bamuddamu nti Olw'omulimu omulungi tetukukuba mayinja, naye olw'okuvvoola; era kubanga ggwe oli muntu ne weefuula Katonda.
- 34 Yesu n'abaddamu nti Tekyawandiikibwa mu mateeka gammwe nti Nze nnagamba nti

Muli bakatonda?

- 35 Oba nga yabayita abo bakatonda, abajjirwa ekigambo kya Katonda, (so n'ebyawandi-
ikibwa tebiyinza kudiba),
- 36 mwe mumugambira ki ye, Kitaawe gwe yatukuza, n'amutuma mu nsi, nti Ovvodde;
kubanga ambye nti Ndi Mwana wa Katonda?
- 37 Bwe sikola mirimu gya Kitange, temunzikiriza.
- 38 Naye bwe ngikola, newakubadde nga temunzikiriza nze, naye mukkirize emirimu:
mumanye mutegeere nga Kitange ali mu nze nange mu Kitange.
- 39 Ne basala amagezi nate okumukwata: n'ava mu mikono gyabwe.
- 40 N'agenda nate emitala wa Yoludaani mu kifo Yokaana gye yali olubereberye ng'aba-
tiza; n'abeera eyo.
- 41 Abantu bangi ne bajja gy'ali; ne bagamba nti Yokaana teyakola kabonero: naye
byonna Yokaana bye yayogera ku ono byali bya mazima.
- 42 Ne bamukkiririza eyo bangi.

Essuula 11

- 1 Awo waaliwo omuntu eyali omulwadde, Lazaalo ow'e Bessaniya, mu mbuga
Malyamu ne Maliza muganda we mwe baali;
- 2 Malyamu oyo eyasiiga Mukama waffe amafuta n'amuttaanya ebigere n'enviiri ze ye
yalina mwannyina Lazaalo eyali alwadde.
- 3 Awo bannyina abo ne bamutumira, nga bagamba nti Mukama waffe, laba, gw'oyagala
alwadde.
- 4 Naye Yesu bwe yawulira, n'agamba nti Obulwadde buno si bwa kufa wabula olw'eki-
tiibwa kya Katonda, Omwana wa Katonda abe n'ekitiibwa olw'obwo.
- 5 Naye Yesu yayagala Maliza ne muganda we ne Lazaalo.
- 6 Awo bwe yawulira ng'alwadde, n'ayosawo ate ennaku bbiri mu kifo kye yalimu.
- 7 Ate n'alyoka agamba abayigirizwa nti Tuddeyo e Buyudaaya. Abayigirizwa ne
bamugamba nti Labbi, kaakano Abayudaaya baali basala amagezi okukukuba amay-
inja, ate gy'oba odda?
- 8 Abayigirizwa ne bamugamba ati Labbi, kaakano Abayudaaya baali basala amagezi
okukukuba amayinja, ate gy'oba odda?
- 9 Yesu n'addamu nti Essaawa ez'emisana si kkumi na bbiri? Omuntu bw'atambula
emisana teyeesittala, kubanga alaba omusana ogw'ensi eno.
- 10 Naye omuntu bw'atambula ekiro, yeesittala, kubanga omusana teguli mu ye.
- 11 Yayogera bw'ati, n'alyoka abagamba ati Mukwano gwaffe Lazaalo yeebase; naye
enda okumuzuukusa.
- 12 Awo abayigirizwa ne bamugamba nti Mukama waffe, oba yeebase, anaazuukuka.
- 13 Naye Yesu yayogera ku kufa kwe: naye bo ne balowooza nti ayogera ku kwebaka kwa
tulo.
- 14 Awo Yesu n'alyoka ababuulira lwatu nti Lazaalo afudde.
- 15 Nange nneesiimye ku lwammwe kubanga saaliyo, mulyoke mukkirize; naye tugende
gy'ali.
- 16 Awo Tomasi ayitibwa Didumo n'agamba bayigirizwa banne nti Naffe tugende tufiire
wamu naye.
- 17 Awo Yesu bwe yatuuka, n'asanga nga yaakamala ennaku nnya mu ntaana.
- 18 Naye Bessaniya yali kumpi ne Yersaalemi nga sutadyo kkumi na ttaano;
- 19 Abayudaaya bangi baali bazze eri Maliza ne Malyamu okubakubagiza olwa mwannyi-
naabwe.
- 20 Awo Maliza bwe yawulira nga Yesu ajja, n'agenda okumusisinkana: naye Malyamu

n'asigala mu nju.

- 21 Awo Maliza n'agamba Yesu nti Mukama wange, singa wali wano, mwannyinaze teyandifudde.
- 22 Era kaakano mmanyi nga byonna by'onoosaba Katonda, Katonda anaabikuwa.
- 23 Yesu n'amugamba nti Mwannyoko ajja kuzuukira.
- 24 Maliza n'amugamba nti Mmanyi nti alizuukirira ku kuzuukira kw'olunaku olw'enkomerero.
- 25 Yesu n'amugamba nti, "Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu:
- 26 na buli muntu mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Okkiriza ekyo?"
- 27 Maliza n'amugamba nti, "Weewaawo, Mukama wange: nze nzikiriza nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda, ajja mu nsi."
- 28 Bwe yamala okwogera bw'ati, n'agenda, n'ayita muganda we Malyamu kyama, ng'agamba nti Omuyigiriza azze, akuyita.
- 29 Naye bwe yawulira, n'agolokoka mangu, n'ajja gy'ali.
- 30 Yesu yali tannatuuka mu mbuga, naye ng'akyali mu kifo Maliza kye yamusangamu.
- 31 Awo Abayudaaya abaali naye mu nnyumba, nga bamukubagiza, bwe baalaba Malyamu ng'ayimiridde mangu okufuluma, ne bamugoberera, nga balwooza nti agenda ku ntaana okukaabira eyo.
- 32 Awo Malyamu bwe yatuuka Yesu gy'ali n'amulaba, n'agwa ku bigere bye, n'amugamba nti Mukama wange, singa wali wano, mwannyinaze teyandifudde.
- 33 Awo Yesu bwe yamulaba ng'akaaba, n'Abayudaaya abazze naye nga bakaaba, n'asinda mu mwoyo, ne yeeraliikirira,
- 34 n'agamba nti Mwamuteeka wa? Ne bamugamba nti Mukama waffe, jjangu olabe.
- 35 Yesu n'akaaba amaziga.
- 36 Awo Abayudaaya ne boogera nti Laba bw'abadde amwagala.
- 37 Naye abamu ku bo ne boogera nti Omuntu ono, eyazibula amaaso ga muzibe w'amaaso teyayinza kulobera ono okufa?
- 38 Awo Yesu bwe yasinda ate mu nda ye, n'atuuka ku ntaana. Yali mpuku, ng'eteeked-dwako ejjinja kungulu.
- 39 Yesu n'agamba nti Muggyeewo ejjinja. Maliza, mwannyina w'oli eyafa, n'amugamba nti Mukama wange, kaakano awunya: kubanga yaakamala ennaku nnya.
- 40 Yesu n'amugamba nti Sikugambye nti Bw'onokkiriza, onoolaba ekitiibwa kya Katonda?
- 41 Awo ne baggyawo ejjinja. Yesu n'ayimusa amaaso waggulu, n'ayogera nti Kitange, nkwebaza kubanga wampulira.
- 42 Nange nnamanya ng'ompulira bulijjo: naye njogedde ku lw'ekibiina ekinneetoolodde, bakkirize nga ggwe wantuma.
- 43 Bwe yamala okwogera bw'ati, n'ayogerera waggulu n'eddooboozi ddene nti Lazaalo, fuluma ojje.
- 44 Eyali afudde n'afuluma, ng'azingiddwa mu mabugo amagulu n'emikono; n'ekirembe nga kisibiddwa mu maaso ge. Yesu n'abagamba nti Mumusumulule, mumuleke agende.
- 45 Awo bangi ab'omu Bayudaaya, abajja ewa Malyamu, bwe baalaba ky'akoze, ne bamukkiriza.
- 46 Naye abamu ku bo ne bagenda eri Abafalisaayo, ne bababuulira Yesu by'akoze.
- 47 Awo bakabona abakulu n'Abafalisaayo ne bakuanya olukiiko, ne bagamba nti Tukole tutya? kubanga omuntu oyo akola obubonero bungi.
- 48 Bwe tunaamuleka bwe tutyo, bonna banaamukkiriza: n'Abaruumi balijja, balitunya-gako ensi yaffe n'eggwanga lyaffe.

- 49 Naye omu ku bo, Kayaafa, eyali kabona asinga obukulu mu mwaka ogwo, n'abagamba nti Mmwe temuliiko kye mumanyi,
- 50 so temulowooza nga kibagwanidde omuntu omu afiirire abantu, n'eggwanga lyonna lireme okubula.
- 51 Ekyo teyakyogera mu magezi ge yekka; naye kubanga yali kabona asinga obukulu mu mwaka ogwo, yalagula nti Yesu agenda okufiirira eggwanga eryo;
- 52 so si lwa ggwanga eryo lyokka, naye akuaanyize wamu abaana ba Katonda abaasaasaana.
- 53 Awo okuva ku lunaku olwo ne bateesa okumutta.
- 54 Awo Yesu n'atatambula nate mu Buyudaaya mu lwatu, naye n'avaayo n'agenda mu kifo ekiri okumpi n'eddungu, mu kibuga ekiyitibwa Efulayimu; n'abeera eyo n'abayigirizwa.
- 55 Naye Okuyitako okw'Abayudaaya kwali kunaatera okutuuka: bangi abaava mu byalo ne balinnya e Yerusalemi Okuyitako nga kukyali, beerongoose.
- 56 Awo Yesu ne bamunoonya, ne boogera bokka na bokka, nga bayimiridde mu yeekaalu, nti Mulowooza mutya? Tajje ku mbaga?
- 57 Naye bakabona abakulu n'Abafalisaayo baali balagidde nti Omuntu bw'ategeera w'ali, ababuulire balyoke bamukwate.

Essuula 12

- 1 Awo bwe zaali nga zisigaddeyo ennaku omukaaga okutuuka ku Kuyitako, Yesu n'ajja e Bessaniya, eyali Lazaalo, Yesu gwe yazuukiza mu bafu.
- 2 Awo ne bamufumbirayo emmere ey'ekyeggulo: ne Maliza n'aweereza; naye Lazaalo n'aba omu ku bo abaali batudde naye ku mmere.
- 3 Awo Malyamu n'addirira laatiri ey'amafuta ag'omugavu, ag'omuwendo omungi ennyo, n'agisiiga ku bigere bya Yesu, n'attaanya ebigere bye n'enviiri ze: ennyumba n'ejjula akaloosa ak'amafuta.
- 4 Naye Yuda Isukalyoti, omu ku bayigirizwa be, agenda okumulyamu olukwe, n'agamba nti
- 5 Kiki ekirobedde okutunda amafuta gano okugaggyamu eddinaali ebikumi bisatu, okugabira abaavu?
- 6 Kale yayogera bw'atyo, si lwa kujjukira abaavu; naye kubanga yali mubbi, ye yayambaliranga ensawo, n'atwalanga bye baateekangamu.
- 7 Awo Yesu n'agamba nti Mumuleke agatererekere olunaku lw'okuziikibwa kwange.
- 8 Kubanga abaavu be muli nabo ennaku zonna; naye nze temuli nange ennaku zonna.
- 9 Awo abakopi ab'omu Bayudaaya ne bategeera nti gyal: ne bajja si ku lwa Yesu yekka, era naye balabe ne Lazaalo, gwe yazuukiza mu bafu.
- 10 Naye bakabona abakulu ne basala amagezi bamutte ne Lazaalo;
- 11 kubanga ku lulwe bangi ku Bayudaaya abaagenda, ne bakkiriza Yesu.
- 12 Olunaku olw'okubiri ekibiina kinene abaali bazze ku mbaga, bwe baawulira nga Yesu ajja e Yerusalemi,
- 13 ne batwala ensansa ez'enkindu ne bagenda okumusisinkana, ne boogerera waggulu nti Ozaana: aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama, ye Kabaka wa Isiraeri.
- 14 Naye Yesu bwe yalaba ennyana y'endogoyi, n'agyebereka; nga bwe kyawandiikibwa nti
- 15 Totya, muwala wa Sayuuni: laba, Kabaka wo ajja, nga yeeberese omwana gw'endogoyi.
- 16 Ebyo abayigirizwa be tebaabitegeera olubereberye: naye Yesu bwe yamala okugulumizibwa, ne balyoka bajjukira ng'ebyo byamuwandiikwako, era nga baamukola bwe

batyo.

- 17 Awo ekibiina ekyali naye bwe yayita Lazaalo okuva mu ntaana n'amuzuukiza mu bafu, ne kitegeeza.
- 18 Era ekibiina kyekyava kigenda okumosisinkana, kubanga baawulira nti yakola akabonero ako.
- 19 Awo Abafalisaayo ne boogeragana nti Mulabe bwe mutalina kye mugasizza; laba, ensi zonna zimusenze.
- 20 Naye waaliwo Abayonaani abalala mu abo abajja ku mbaga okusinza:
- 21 awo bali ne bajja eri Firipo, eyava e Besusayida eky'omu Ggaliraaya, ne bamubuuza, nga bamugamba nti Ssebo, twagala okulaba Yesu.
- 22 Firipo n'ajja n'abuulira Andereya; Andereya n'ajja, ne Firipo, ne babuulira Yesu.
- 23 Yesu n'abaddamu, n'agamba nti Obudde butuuse, Omwana w'omuntu agulumizibwe.
- 24 Ddala ddala mbagamba nti Empeke y'eaano bw'etegwa mu ttaka n'efa, ebeerera awo yokka; naye bw'efa, ebalala emmere nnyingi.
- 25 Ayagala obulamu bwe bumubula; naye akyawa obulamu bwe mu nsi eno alibusigaza okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.
- 26 Omuntu bw'ampeereza, angobererenga; nange gye ndi, eyo omuweereza wange naye gy'anaabanga: omuntu bw'ampeereza, Kitange alimussaamu ekitiibwa.
- 27 Kaakano omwoyo gwange gweraliikiridde; era njogere ntya? Kitange, ndokola okunziya mu kiseera kino. Naye kyennava ntuuka mu kiseera kino.
- 28 Kitange, gulumiza erinnya lyo. Awo eddoboosi ne liva mu ggulu, nti Nnaligulumiza, era ndirigulumiza nate:
- 29 Awo ekibiina ekyali kiyimiridewo, bwe kyaliwulira, ne kigamba nti Kubadde kubwatuka: abalala ne bagamba nti Malayika ayogedde.
- 30 Yesu n'addamu n'agamba nti Eddoboosi lino terizze ku bwange, naye ku bwammwe.
- 31 Kaakano ensi eno esalirwa omusango; kaakano omukulu w'ensi eno anaagoberwa ebweru.
- 32 Nange bwe ndiwanikibwa ku nsi ndiwalulira gye ndi bonna.
- 33 Naye yayogera atyo, ng'alaga okufa bwe kuli kw'agenda okufa.
- 34 Awo ekibiina ne kimuddamu nti Tetwawulira mu mateeka nti Kristo abeerera awo emirembe n'emirembe: naawe kiki ekikugambya nti Omwana w'omuntu kimugwanira okuwanikibwa? Ono Omwana w'omuntu ye ani?
- 35 Awo Yesu n'abagamba nti Esigaddeyo ebiro bitono ng'omusana gukyali gye muli. Mutambule nga mukyalina omusana, ekizikiza kireme okubakwatira mu kkubo: atambulira mu kizikiza tamanya gy'agenda.
- 36 Bwe mukyalina omusana mukkirize omusana, mufuuke abaana b'omusana. Yesu bwe yamala okwogera ebyo, n'agenda, n'abeekweka.
- 37 Naye newakubadde nga yakola obubonero bungi obwenkanidde awo mu maaso gaabwe, tebaamukkiriza:
- 38 ekigambo kya nnabbi Isaaya kituukirire, kye yayogera nti Mukama, ani eyakkiriza ebigambo byaffe? Era omukono gwa Mukama gubikkuliddwa ani?
- 39 Kyebaava balema okuyinza okukkiriza, kubanga Isaaya yayogera nate nti
- 40 Yabaziba amaaso, n'abakakanyaza omutima; Baleme okulaba n'amaaso n'okutegeera n'omutima, Bakyuke, Ndyoke mbawonye.
- 41 Ebyo bye yayogera Isaaya, kubanga yalaba ekitiibwa kye: n'ayogera ku ye.
- 42 Naye mu bakulu bangi abaamukkiriza, naye olw'Abafalisaayo tebaayatula, baleme okugobebwa mu kkuaanero:
- 43 kubanga baayagala ekitiibwa ky'abantu okukira ekitiibwa kya Katonda.
- 44 Yesu n'ayogerera waggulu n'agamba nti Anzikiriza, takkiriza nze, wabula oli eyantuma.

- 45 Era alaba nze ng'alabye oli eyantuma.
- 46 Nze nzize kuba musana mu nsi, buli muntu anzikiriza aleme okutuulanga mu kizikiza.
- 47 Naye awulira ebigambo byange, n'atabikwata, nze simusalira musango: kubanga sajjja kusalira nsi musango, wabula okulokola ensi.
- 48 Agaana nze, n'atakkiriza bigambo byange, alina amusalira omusango: ekigambo kye nnayogera kye kirimusalira omusango ku lunaku olw'enkomerero.
- 49 Kubanga saayogeranga nze ku bwange; naye Kitange eyantuma, ye yandagira bwe amba, era bwe njogera.
- 50 Nange mmanyi n'ekiragiro kye bwe bulamu obutaggwaawo: kale nze bye njogera, nga Kitange bwe yaamba, bwe ntyo bwe njogera.

Essuula 13

- 1 Naye embaga ey'Okuyitako yali nga tennatuuka, Yesu bwe yamanya ng'ekiseera kye kituuse okuva mu nsi muno okugenda eri Kitaawe, bwe yayagala ababe abali mu nsi, yabaagala okutuusa enkomerero.
- 2 Bwe baali balya emmere ey'ekyeggulo Setaani nga yamazze dda okuweerera Yuda Isukalyoti omwana wa Simooni mu mutima gwe okumulyamu olukwe,
- 3 Yesu bwe yamanya nga Kitaawe amuwadde byonna mu mukono gwe, era nga yava wa Katonda, ate ng'adda wa Katonda,
- 4 n'ava ku mmere, n'ayambulamu engoye ze; n'addirira ekirembe, ne yeesiba ekimyu.
- 5 N'aloyoka afuka amazzi mu kibya, n'atanula okunaaza abayigirizwa ebigere n'okubisi-imuuzza ekirembe kye yali yeesibye.
- 6 Awo n'ajja eri Simooni Peetero. Naye n'amugamba nti Mukama wange, ggwe onnaaza ebigere?
- 7 Yesu n'addamu n'amugamba nti Kye nkola nze tokimanyi ggwe kaakano, naye olikitegeera luvannyuma.
- 8 Peetero n'amugamba nti Tonnaazenga bigere byange emirembe gyonna. Yesu n'amudamu nti Bwe ssiikunaaze tossa kimu nange.
- 9 Simooni Peetero n'amugamba nti Mukama wange, si bigere byange byokka, naye n'emikono n'omutwe.
- 10 Yesu n'amugamba nti Anaazibwa omubiri taliiko kye yeetaaga wabula okunaaba ebigere byokka, naye yenna nga mulongoofu: nammwe muli balongoofu naye si mwenna.
- 11 Kubanga yamumanya anaamulyamu olukwe; kyeyava ayogera nti Mwenna temuli balongoofu.
- 12 Awo bwe yamala okubanaaza ebigere, n'ayambala engoye ze, n'atuula nate, n'abagamba nti Mutedgedde kye mbakoze?
- 13 Mmwe mumpita Muyigiriza era Mukama wammwe: era mwogera bulungi; kubanga bwe ndi.
- 14 Kale oba nga nze Mukama wammwe era Omuyigiriza mbanaazizza ebigere, era nammwe kibagwanira okunaazagananga ebigere.
- 15 Kubanga mbawadde ekyokulabirako, era nga bwe mbakoze nze, nammwe mukolenga bwe mutyo.
- 16 Ddala ddala mbagamba nti Omuddu tasinga bukulu mukama we; so omutume tasinga bukulu oli eyamutuma.
- 17 Bwe mubimanya ebyo, mulina omukisa bwe mubikola.
- 18 Soogedde ku mmwe mwenna: nze mmanyi be nnalondamu: naye ekyawandiikibwa kituukirire nti Alya ku mmere yange ye annyimusiza ekisinziro kye.
- 19 Okusooka leero mbabuulira nga tekinnaba kubaawo, era ne bwe kiriba, mulyoke

mukkirize nga nze nzuuyo.

- 20 Ddala ddala mbagamba nti Asembeza buli gwe ntuma, ng'asembezza nze: era asembeza nze, ng'asembezza oli eyantuma.
- 21 Yesu bwe yamala okwogera bw'atyo, ne yeeraliikirira mu mwoyo, n'ategeeza, n'ayogera nti Ddala ddala mbagamba nti omu ku mmwe anandyamu olukwe.
- 22 Abayigirizwa ne batunulaganako, nga babuusabuusa gw'ayogeddeko bw'ali.
- 23 Waaliwo omu ku bayigirizwa be eyali agalamidde mu kifuba kya Yesu ku mmere, Yesu gwe yayagalanga.
- 24 Awo Simooni Peetero n'awenya oyo, n'amugamba nti Tubuulire gw'ayogeddeko bw'ali.
- 25 Ye bwe yagalamira mu kifuba kya Yesu, nga bwe yali, n'amugamba nti Mukama wange, ye ani?
- 26 Awo Yesu n'addamu nti Gwe nnaakoleza ekitole ne nkimuwa ye wuuyo. Awo bwe yakoza ekitole, n'akitwala, n'akiwa Yuda omwana wa Simooni Isukalyoti.
- 27 Bwe yamala okuweebwa ekitole, Setaani n'alyoka amuyingiramu. Awo Yesu n'amugamba nti Ky'okola, kola mangu.
- 28 Naye ekigambo ekyo tewali muntu ku bo abaali batudde ku mmere eyakitegeera ekikimwogezza.
- 29 Kubanga abalala baateerera nti kubanga Yuda ye yali akwata ensawo, Yesu kyeyava amugamba nti Gula bye twetaaga eby'oku mbaga; oba awe abaavu ekintu.
- 30 Awo bwe yamala okuweebwa ekitole, amangu ago n'afuluma ebweru; bwali nga buzibye.
- 31 Awo bwe yamala okufuluma, Yesu n'agamba nti Kaakano Omwana w'omuntu agulumizibwa, ne Katonda agulumizibwa mu ye;
- 32 era Katonda alimugulumiza mu ye yennyini, era amangu ago anaamugulumiza.
- 33 Baana bange, ekiseera kitono nga nkyali nammwe. Mulinnoonya: era nga bwe nnagamba Abayudaaya nti Gye enda nze mmwe temuyinza kujja, era nammwe bwe mbagamba kaakano.
- 34 Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga.
- 35 Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka.
- 36 Simooni Peetero n'amugamba nti Mukama wange, oghenda wa? Yesu n'addamu nti Gye enda, toyinza kungoberera kaakano; naye olingoberera gye bujja.
- 37 Peetero n'amugamba nti Mukama wange, kiki ekindobera okukugoberera kaakano? N'awaayo obulamu bwange ku lulwo.
- 38 Yesu n'addamu nti Onoowaayo obulamu bwo ku lwange? Ddala ddala nkugamba nti Enkoko teekookolime okutuusa lw'ononneegaana emirundi esatu.

Essuula 14

- 1 Omutima gwammwe tegweraliikiriranga: mukkirize Katonda, era nange munzikirize.
- 2 Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeramu. Singa tekiri bwe kityo, nandibagambye; kubanga enda okubateekerateekera ekifo.
- 3 Era oba nga enda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo.
- 4 Era gye enda, ekkubo mulimanyi.
- 5 Tomasi n'amugamba nti Mukama waffe, tetumanyi gy'ogenda; ekkubo tulimanyi tutya?
- 6 Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange,

wabula ng'ayita mu nze.

- 7 Singa muntegedde, ne Kitange mwandimumanye: okusooka kaakano mumutegeera era mumulabye.
- 8 Firipo n'amugamba nti Mukama waffe, tulage Kitaffe, kale kinaatumala.
- 9 Yesu n'amugamba nti Kasookedde mbeera nammwe, ebiro ebingi bwe bityo, era tontegeeranga, Firipo? Alabye ku nze, ng'alabye ku Kitange; kiki ekikwogeza ggwe nti Tulage Kitaffe?
- 10 Tokkiriza nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu nze? Ebigambo bye mbagamba nze, sibyogera ku bwange nzekka; naye Kitange bw'abeera mu nze akola emirimu gye.
- 11 Munzikirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange mu nze: oba munzikirize olw'emirimu gyokka.
- 12 Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze enda eri Kitange.
- 13 Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana.
- 14 Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga.
- 15 Oba nga munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange.
- 16 Nange ndisaba Kitange, naye alibawa Omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe.
- 17 Omwoyo ow'amazima: ensi gw'eteyinza kukkiriza; kubanga temulaba, so temutegeera: mmwe mumutegeera; kubanga abeera gye muli, era anaabanga mu mmwe.
- 18 Siribaleka bamulekwa; nkomawo gye muli.
- 19 Esigadde ekiseera kitono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mundaba: kubanga nze ndi mulamu nammwe muliba balamu.
- 20 Ku lunaku olwo mulitegeera mmwe nga nze ndi mu Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe.
- 21 Alina ebiragiro byange, n'abikwata, oyo nga ye anjagala: anjagala anaayagalibwanga Kitange, nange nnaamwagalanga, nnaamulabikiranga.
- 22 Yuda (atali Isukalyoti; n'amugamba nti Mukama waffe; kibadde kitya ggwe okugenda okutulabikira ffe, so si eri ensi?
- 23 Yesu n'addamu n'amugamba nti Omuntu bw'anjagala, anaakwatanga ekigambo kyange: ne Kitange anaamwagalanga, era tunajjanga gy'ali, tunaatuulanga gy'ali.
- 24 Atanjagala takwata bigambo byange: n'ekigambo kye muwulira si kyange, naye kya Kitange eyantuma.
- 25 Ebigambo ebyo mbabuulidde nga nkyali nammwe.
- 26 Naye Omubeezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, oyo alibayigiriza byonna, alibajjukiza byonna bye nnabagamba.
- 27 Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweraliikiriranga so tegutyanga.
- 28 Muwulidde bwe mbagambye nti enda, era nkomawo gye muli. Singa munjagala, mwandisanyuse kubanga enda eri Kitange: kubanga Kitange ansinga obukulu.
- 29 Kaakano mbagambye nga tekinnaba kubaawo, lwe kiribaawo mulyoke mukkirize.
- 30 Sikyayogera nnyo nate nammwe; kubanga afuga ensi ajja: naye tandiiko kigambo;
- 31 naye ensi etegeere nga njagala Kitange, era Kitange bwe yandagira, bwe ntyo bwe nkola. Mugoloko, tuve wano.

Essuula 15

- 1 Nze muzabbibu ogw'amazima, ne Kitange ye mulimi.
- 2 Buli ttabi eriri mu nze eritabala bibala, aliggyawo: na buli eribala ebibala alirongoosa, lyeyongerenga okubala.
- 3 Mmwe kaakano mumaze okuba abalongoofu olw'ekigambo kye mbagambye.
- 4 Mubeere mu nze, nange mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala lyokka, bwe litabeera mu muzabbibu, bwe kityo nammwe temuyinza, bwe mutabeera mu nze.
- 5 Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola.
- 6 Omuntu bw'atabeera mu nze, asuulibwa ebweru ng'ettabi, akala; bagakuaanya, bagasuula mu muliro, ne gaggya.
- 7 Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.
- 8 Mu kino Kitange agulumizibwa, mubalenga ebibala bingi; era munaabanga abayigirizwa bange.
- 9 Nga Kitange bwe yanjagala, nange mbaagadde mmwe: mubeerenga mu kwagala kwange.
- 10 Bwe mukwata ebiragiro byange, munaabeeranga mu kwagala kwange; nga nze bwe nnakwata ebiragiro bya Kitange, ne mbeera mu kwagala kwe.
- 11 Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire.
- 12 Kino kye kiragiro kyange, mwagalanenga, nga bwe nnabaagala mmwe.
- 13 Tewali alina kwagala kunene okusinga kuno omuntu okuwaayo obulamu bwe olwa mikwano gye.
- 14 Mmwe muli mikwano gyange, bwe mukola bye mbalagira.
- 15 Sikyabayita baddu; kubanga omuddu tamanyi mukama we by'akola; naye mbayise ba mukwano; kubanga byonna bye nnawulira eri Kitange mbibabuulidde mmwe.
- 16 Si mmwe mwannonda nze, naye nze nnabalonda mmwe, ne mbateekawo, mugende mubalenga ebibala, n'ebibala byammwe bibeerengawo: kyonna kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange, akibawenga.
- 17 Mbalagidde bino, mwagalanenga.
- 18 Ensi bw'ebakyawanga mumanyi nga yasooka kukyawa nze nga tennaba kukyawa mmwe.
- 19 Singa mubadde ba nsi, ensi yandyagadde ekyayo; naye kubanga temuli ba nsi, naye nze nnabalonda mu nsi, ensi kyeva ebakyawa.
- 20 Mujjukire ekigambo kye nnabagamba nti Omuddu tasinga mukama we. Oba nga banjigganya nze, nammwe banaabayigganyanga; oba nga baakwata ekigambo kyange, n'ekyammwe banaakikwatanga.
- 21 Naye ebyo byonna banaabibakolanga olw'erinnya lyange, kubanga tebamumanyi eyantuma.
- 22 Singa sajja ne njogera nabo, tebandibadde na kibi; naye kaakano tebalina kya kuwoza olw'ekibi kyabwe.
- 23 Ankyawa nze akyawa ne Kitange.
- 24 Singa saakolera mu bo mirimu egitakolebwanga mulala, tebandibadde na kibi; naye kaakano balabye ne bankyawa ne Kitange.
- 25 Naye ekigambo kituukirire ekyawandiikibwa mu mateeka gaabwe nti Bankyayira bwereere.
- 26 Naye Omubeezi bw'alijja, gwe ndibatumira ava eri Kitange, Omwoyo ow'amazima, ava eri Kitange, oyo alitegeza ebyange:

27 era nammwe mugegeza ebyange kubanga okuva ku lubereberye mwali nange.

Essuula 16

- 1 Ebyo, mbibabuulidde muleme okusittazibwanga.
- 2 Banaabagobanga mu makuaaniro; weewaawo, ekiseera kijja, buli anaabattanga anaalowoozanga ng'aweerezza Katonda.
- 3 N'ebyo banaabikolanga, kubanga Kitange tebamutegeera newakubadde nze.
- 4 Naye ebyo mbibabuulidde, era ekiseera kyabyo bwe kituukanga mujjukire nga nze nnababuulira. N'ebyo okuva ku lubereberye saabibabuulira, kubanga nnali wamu nammwe.
- 5 Naye kaakano enda eri oli eyantuma; era tewali ku mmwe ambuuzza nti Ogenda wa?
- 6 Naye kubanga mbabuulidde ebyo, emitima gyammwe gijjudde ennaku.
- 7 Naye nze mbagamba amazima; kibasaanira mmwe nze okugenda; kubanga nze bwe sirigenda, Omubeezi talibajjira; naye bwe ndigenda ndimutuma gye muli.
- 8 Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango;
- 9 olw'ekibi, kubanga tebanzikiriza nze;
- 10 olw'obutuukirivu, kubanga enda eri Kitange, so nammwe temukyandaba nate;
- 11 olw'omusango, kubanga omukulu w'ensi eno asaliddwa omusango.
- 12 Nkyalina bingi okubabuulira, naye temuyinza kubigumiikiriza kaakano.
- 13 Naye bw'alijja oyo Omwoyo ow'amazima, anaabaluamyanga mu mazima gonna: kubanga taayogerenga ku bubwe yekka; naye byonna by'anaawuliranga by'anaayogeranga: ye anaababuuliranga ebigenda okujja.
- 14 Oyo anangulumizanga nze: kubanga anaatoolanga ku byange n'ababuulira mmwe.
- 15 Byonna byonna Kitange by'ali nabyo bye byange: kyenvudde amba nti Anaatoolanga ku byange n'abuulira mmwe.
- 16 Esigadde ekiseera kitono, ne mutandaba nate; era nate walibaawo ekiseera kitono, ne mundaba.
- 17 Abayigirizwa be abamu kyebaava boogera bokka na bokka nti Kiki kino ky'atugamba nti Esigadde ekiseera kitono, ne mutandaba; nate walibaawo ekiseera kitono, ne mundaba; era nti Kubanga enda eri Kitange?
- 18 Kyebaava bagamba nti Kiki kino ky'agamba nti Ekiseera kitono? Tetumanyi ky'agamba.
- 19 Yesu n'ategeera nga baagala okumubuuza, n'abagamba nti Mwebuuzaganya mwekka olw'ekyo kye mbagambye nti Esigadde ekiseera kitono, ne mutandaba, era nate walibaawo ekiseera kitono ne mundaba?
- 20 Ddala ddala mbagamba nti mmwe mulikaaba mulikuba ebiwoobe, naye ensi erisanyuka: mmwe mulinakuwala, naye ennaku zammwe zirifuuka ssanyu.
- 21 Omukazi bw'azaala alaba ennaku, kubanga ekiseera kye kituuse: naye omwana bw'amala okuzaalibwa nga takyajjukira kulumwa, olw'essanyu ery'okuzaala omuntu mu nsi.
- 22 Kale nammwe kaakano munakuwala: naye ndibalaba nate, n'emitima gyammw'e girisanyuka, n'essanyu lyammwe tewali muntu alibaggyako.
- 23 Ne ku lunaku luli temulibaako kye munsaba. Ddala ddala mbagamba nti Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linnya lyange.
- 24 Okutuusa leero temusabanga kigambo mu linnya lyange: musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire.
- 25 Ebyo mbibabuuliridde mu ngero: naye obudde bugenda okujja, mwe siryogerera nammwe mu ngero, naye ndibibabuulira ebya Kitange mu lwatu.
- 26 Ku lunaku luli mulisaba mu linnya lyange: so sibagamba nti ndibasabira eri Kitange;

- 27 kubanga Kitange yennyini abaagala, kubanga munjagadde nze, mukkirizza nga nna eri Kitange.
- 28 Nna eri Kitange, ne njija mu nsi: nate ensi ngireka, enda eri Kitange.
- 29 Abayigirizwa be ne bamugamba nti Laba, kaakano oyogera lwatu, toyogera lugero.
- 30 Kaakano tumanyi ng'omanyi byonna, so teweetaaga muntu yenna okukubuuza; kyetuva tukkiriza nga wava eri Katonda.
- 31 Yesu n'abaddamu nti Kaakano mukkirizza?
- 32 Laba, ekiseera kijja, era kituuse, mwe munaasaasaanira, buli muntu mu bibye, munan-deka nze nzekka: so si nzekka, kubanga Kitange ali wamu nange.
- 33 Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze. Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi.

Essuula 17

- 1 Yesu yayogera ebyo; n'ayimusa amaaso ge mu ggulu n'agamba nti Kitange, ekiseera kituuse; gulumiza Omwana wo, Omwana wo akugulumize:
- 2 nga bwe wamuwa obuyinza ku balina omubiri bonna, era bonna be wamuwa, abawe obulamu obutaggwaawo.
- 3 Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo.
- 4 Nze nkugulumizizza ku nsi kubanga omulimu gwe wampa okukola ngukomekkerezza.
- 5 Ai Kitange, ne kaakano ngulumiza ggwe wamu naawe mu kitiibwa kiri kye nnali nakyoo awamu naawe ng'ensi tennabaawo.
- 6 Njolesezza erinnya lyo abantu be wampa okubaggya mu nsi: baali babo, n'obampa nze; nabo bakutte ekigambo kyo.
- 7 Kaakano bategedde nga byonna bye wampa biva mu ggwe:
- 8 kubanga ebigambo bye wampa mbibawadde; ne babiganya, ne bategeera mazima nga nna gy'oli, ne bakkiriza nga ggwe wantuma.
- 9 Nze mbasabira abo; sisabira nsi, wabula bo be wampa; kubanga babo:
- 10 era ebyange byonna bibyo, n'ebibyo byange: nange ngulumizibwa mu bo.
- 11 Siri mu nsi nate, naye bano bali mu nsi, nange njija gy'oli. Kitange Omutukuvu, obakuumenga mu linnya lyo be wampa, babeerenga bumu, nga ffe.
- 12 Bwe nnali nabo be wampa nnabakuumanga mu linnya lyo: era ne mbazibira, tekubulanga muntu ku bo, wabula omwana w'okubula; ebyawandiikibwa bituukirire.
- 13 Naye kaakano njija gy'oli; na bino mbyogera mu nsi babe n'essanyu lyange nga lituukiridde mu bo.
- 14 Mbawadde ekigambo kyo; era ensi yabakyawa, kubanga si ba nsi nga nze bwe siri wa nsi.
- 15 Sisaba ggwe kubaggya mu nsi, naye obakuumenga mu bubu.
- 16 Si ba nsi, nga nze bwe siri wa nsi.
- 17 Obatukuze mu mazima: ekigambo kyo ge mazima,
- 18 Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe nnabatuma mu nsi.
- 19 Era nze nneetukuza ku bwabwe, nabo bennyini batukuzibwe mu mazima.
- 20 So sibasabira bano bokka, naye n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe;
- 21 bonna babeerenga bumu; nga ggwe, Kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era nabo babeerenga mu ffe: ensi ekkirize nga ggwe wantuma.
- 22 Nange ekitiibwa kye wampa nkibawadde; babeerenga bumu, nga ffe bwe tuli obumu;
- 23 nze mu bo, naawe mu nze, batuukiririre okuba obumu; ensi etegeerenga nga ggwe wantuma, n'obaagala bo, nga bwe wanjagala nze.

- 24** Kitange, be wampa, njagala, we ndi nze, nabo we baba babeeranga nange; balabe ekitiibwa kyange kye wampa: kubanga wanjagala nze ng'ensi tennatondebwa.
- 25** Kitange Omutuukirivu ensi teyakutegeera, naye nze nnakutegeera; na bano baategeera nga ggwe wantuma;
- 26** era nnabategeera erinnya lyo era nditegeeza; okwagala kwe wanjagala kubeerenga mu bo, nange mu bo.

Essuula 18

- 1** Awo Yesu bwe yamala okwogera ebigambo ebyo n'afuluma n'abayigirizwa be ne basomoka akagga Kidulooni, eyali olusuku, n'agenda omwo ye n'abayigirizwa be.
- 2** Era ne Yuda amulyamu olukwe, yali amanyi ekifo ekyo: kubanga Yesu yagendangayo emirundi mingi n'abayigirizwa be.
- 3** Awo Yuda, bwe yamala okuweebwa ekitongole ky'abaserikale n'abaami okuva eri bakabona abakulu n'Abafalisaayo, n'ajjayo ng'alina ettabaaza, n'emimuli, n'amafumu.
- 4** Awo Yesu bwe yamanya ebigambo byonna ebinaamujjira, n'avaayo n'abagamba nti Munoonya ani?
- 5** Ne bamuddamu nti Yesu Omunazaaleesi. Yesu n'abagamba nti Nze nzuuno. Era ne Yuda, amulyamu olukwe, yali ayimiridde nabo.
- 6** Awo bwe yabagamba nti Nze nzuuno, ne badda ennyuma ne bagwa wansi.
- 7** Ate n'ababuuza omulundi ogw'okubiri nti Munoonya ani? Ne bagamba nti Yesu Omunazaaleesi.
- 8** Yesu n'addamu nti Mbabuulidde nti nze nzuuno: kale oba nga munoonya nze, muleke bano bagende:
- 9** ekigambo kye yayogera kituukirizibwe nti Ku abo be wampa saabuzako n'omu.
- 10** Awo Simooni Peetero eyalina ekitala n'akisowola n'atema omuddu wa kabona asinga obukulu, n'amusalako okutu okwa ddyo. N'erinnya ly'omuddu Maluko.
- 11** Awo Yesu n'agamba Peetero nti Zzaamu ekitala mu kiraato kyakyo: ekikompe Kitange ky'ampadde, siikinywe?
- 12** Awo ekitongole ky'abaserikale, n'omwami waabwe omukulu, n'abaweereza b'Abayudaaya ne bakwata Yesu ne bamusiba,
- 13** ne basooka okumutwala eri Ana; kubanga yali mukoddomi wa Kayaafa, eyali kabona asinga obukulu mu mwaka guli.
- 14** Era Kayaafa oyo ye yawa Abayudaaya amagezi nti kisaana omuntu omu okufiirira abantu.
- 15** Simooni Peetero n'omuyigirizwa omulala ne bagoberera Yesu. Awo omuyigirizwa oli yali amanyiddwa kabona asinga obukulu, n'ayingira ne Yesu mu luggya lwa kabona asinga obukulu;
- 16** naye Peetero yali ayimiridde ebweru ku luggi. Awo omuyigirizwa oyo omulala eyali amanyiddwa kabona asinga obukulu n'afuluma n'ayogera n'omuwala omuggazi w'oluggi, n'ayingiza Peetero.
- 17** Awo omuwala oyo omuggazi w'oluggi n'agamba Peetero nti Naawe oli wa mu bayigirizwa ba muntu ono? N'agamba nti Siri waamu.
- 18** Abaddu n'abaweereza baali bayimiridde awo nga bakumye omuliro gw'amanda; kubanga yali mpewo; ne boota omuliro: ne Peetero naye yali nabo ng'ayimiridde ng'ayota omuliro.
- 19** Awo kabona asinga obukulu n'abuza Yesu ebigambo by'abayigirizwa be, n'eby'okuyigiriza kwe.
- 20** Yesu n'amuddamu nti nnabuuliranga lwatu ensi; bulijjo nnayigirizanga mu

makuaaniro ne mu yeekaalu, mwe bakuaanira Abayudaaya bonna; soogeranga mu kyama kigambo na kimu.

- 21 Ombuuliza ki? buuza abampuliranga, bye nnabagamba: laba, abo bamanyi nze bye nnayogera.
- 22 Bwe yayogera ebyo omu ku baweereza eyali amuyimiridde okumpi n'akuba Yesu oluyi n'agamba nti Oddamu oti kabona asinga obukulu?
- 23 Yesu n'amuddamu nti Oba njogedde bubu, kinnimirize ekibi: naye oba kirungi, onkubira ki?
- 24 Awo Ana n'amuweereza nga musibe eri Kayaafa kabona asinga obukulu.
- 25 Ne Simooni Peetero yali ayimiridde ng'ayota omuliro. Awo ne bamugamba nti Naawe oli wa mu bayigirizwa be? Ye ne yeegaana n'agamba nti Siri waamu.
- 26 Omu ku baddu ba kabona asinga obukulu ow'ekika ky'oyo Peetero gwe yasalako okutu, n'agamba nti Nze saakulabye naye mu lusuku muli?
- 27 Peetero ne yeegaana nate: amangu ago enkokko n'ekookolima.
- 28 Ne baggya Yesu eri Kayaafa, ne bamutwala mu kigango: era bwali bukya; bo bennyini ne batayingira mu kigango, baleme okweyoonona, naye bamale okulya Okuyitako.
- 29 Awo Piraato n'afuluma n'agenda gye baali, n'agamba nti Musango ki gwe mulanze omuntu ono?
- 30 Ne baddamu ne bamugamba nti Omuntu ono singa abadde takoze bubu, tetwandimuleese gy'oli.
- 31 Awo Piraato n'abagamba nti Kale mumutwale mmwe mumusalire omusango ng'amateeka gammwe bwe gali. Abayudaaya ne bamugamba nti Tekyatulagirwa kutta muntu yenna;
- 32 ekigambo kya Yesu kituukirizibwe, kye yayogera, ng'alaga okufa kw'agenda okufa bwe kuli.
- 33 Awo Piraato n'ayingira nate mu kigango, n'ayita Yesu n'amugamba nti Ggwe Kabaka w'Abayudaaya?
- 34 Yesu n'addamu nti Kino okyogedde ku bubu nantiki balala be bakubuulidde ebigambo byange?
- 35 Piraato n'addamu nti Nze ndi Muyudaaya? Ab'eggwanga lyammwe ne bakabona abakulu be bakundeetedde: okoze ki?
- 36 Yesu n'addamu nti Obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno: singa obwakabaka bwange bubadde bwa mu nsi muno, basajja bange bandirwanye, ne ssiweebwayo mu Bayudaaya: naye kaakano obwakabaka bwange si bwa wano.
- 37 Awo Piraato n'amugamba nti Kale ggwe kabaka? Yesu n'addamu nti Oyogedde, kubanga nze kabaka. Nze nnazaalirwa ekyo, n'ekyo kye kyandeeta mu nsi, ntegeeze amazima. Buli ow'amazima awulira eddoboosi lyange.
- 38 Piraato n'amugamba nti Amazima kye ki? Bwe yamala okwogera ekyo, n'afuluma nate n'agenda awali Abayudaaya, n'abagamba nti Siraba musango ku ye.
- 39 Naye mulina empisa, nze okubateeranga omu ku Kuyitako: kale mwagala mbateere Kabaka w'Abayudaaya?
- 40 Awo ne bakaayana, ne bagamba nti Si ono, wabula Balaba. N'oyo Balaba yali munyazi.

Essuula 19

- 1 Awo Piraato n'alyoka atwala Yesu n'amukuba emiggo.
- 2 Basserikale ne baluka engule y'amaggwa, ne bamutikkira ku mutwe, ne bamwambaza olugoye olw'effulungu;
- 3 ne bajja w'ali ne bagamba nti Mirembe, Kabaka w'Abayudaaya! ne bamukuba empi.

- 4 Piraato n'afuluma nate ebweru, n'abagamba nti Laba mmufulumya ebweru we muli, mutegeere nga siraba musango ku ye.
- 5 Awo Yesu n'afuluma, ng'ayambadde engule y'amaggwa n'olugoye olw'effulungu. Piraato n'abagamba nti Laba omuntu oyo!
- 6 Awo bakabona abakulu n'abaweereza bwe baamulaba, ne boogerera waggulu nga bagamba nti Komerera, komerera: Piraato n'abagamba nti Mumutwale mmwe mumukomerere: kubanga nze siraba musango ku ye.
- 7 Abayudaaya ne bamuddamu nti Ffe tulina etteeka n'olw'etteeka eryo agwanidde okufa, kubanga yeefuula Omwana wa Katonda.
- 8 Awo Piraato bwe yawulira ekigambo ekyo, ne yeeyongerera okutya;
- 9 n'ayingira nate mu kigango, n'agamba Yesu nti Oli wa wa? Naye Yesu n'atamudamu.
- 10 Awo Piraato n'amugamba nti Toyogera nange? tomanyi nga nnina obuyinza obw'okukuta, era nnina obuyinza obw'okukukomerera?
- 11 Yesu n'amuddamu nti Tewandibadde na buyinza bwonna ku nze, singa teb-wakuweebwa okuva waggulu; ampaddeyo gy'oli kyavudde abeera n'ekibi ekisinga.
- 12 Okusookera awo Piraato n'asala amagezi okumuta: naye Abayudaaya ne boogerera waggulu nga bagamba nti Bw'onoomuta oyo nga toli mukwano gwa Kayisaali: buli muntu yenna eyeefuula kabaka awakanya Kayisaali.
- 13 Awo Piraato bwe yawulira ebigambo ebyo n'afulumya Yesu ebweru, n'atuula ku ntebe ey'emisango mu kifo ekiyitibwa Amayinja Amaaliire, naye mu Lwebbulaniya Gab-basa.
- 14 Lwali lunaku lwa kuteekateeka Okuyitako: zaali nga ziri essaawa mukaaga. N'agamba Abayudaaya nti Laba Kabaka wammwe!
- 15 Awo bo ne boogerera waggulu nti Muggyeewo, muggyeewo mukomerere. Piraato n'abagamba nti Nnaakomerera Kabaka wammwe? Bakabona abakulu ne baddamu nti Tetulina kabaka wabula Kayisaali.
- 16 Awo n'alyoka amubawa okukomererwa. Awo ne batwala Yesu:
- 17 n'afuluma, nga yeetisse yekka omusalaba gwe, n'atuuka mu kifo ekiyitibwa Ekyeki-wanga, ekiyitibwa mu Lwebbulaniya Gologoosa:
- 18 ne bamukomererera awo, era n'abalala babiri wamu naye, eruuyi n'eruuyi, ne Yesu wakati.
- 19 Ne Piraato n'awandiika ebbaluwa n'agissa ku musalaba, ng'ewandiikiddwa nti YESU OMUNAZAALYESI KABAKA W'ABAYUDAAYA.
- 20 Awo ebbaluwa eyo bangi ku Bayudaaya ne bagisoma: kubanga ekifo kye baakomereramu Yesu kyali kumpi n'ekibuga: era yawandiikibwa mu Lwebbulaniya, ne mu Luyonaani, ne mu Luruumi.
- 21 Awo bakabona abakulu b'Abayudaaya ne bamugamba Piraato nti Towandiika nti Kabaka w'Abayudaaya; naye nti oyo eyayogera nti Nze Kabaka w'Abayudaaya.
- 22 Piraato n'addamu nti Kye mpandiise kye mpandiise.
- 23 Awo basserikale bwe baamala okukomerera Yesu, ne batwala ebyambalo bye, ne bateeka emiteeko ena, buli sserikale muteeko; n'ekkanzu ye: n'ekkanzu ye teyatungwa, yalukibwa bulukibwa yonna okuva waggulu.
- 24 Ne bagamba bokka na bokka nti Tuleme okugiyuzaamu, naye tugikubire akalulu, tulabe anaaba nnyiniyo: ekyawandiikibwa kituukirire, ekyogera nti Baagabana ebyambalo byange, Era baakubira akalulu eky'okwambala kyange. Awo basserikale ne bakola ebyo.
- 25 Naye awo awali omusalaba gwa Yesu waali wayimiridde nnyina, ne muganda wa nnyina, Malyamu muka Kuloopa, ne Malyamu Magudaleene.
- 26 Awo Yesu bwe yalaba nnyina, n'omuyigirizwa gwe yali ayagala ng'ayimiridde kumpi,

- n'agamba nnyina nti Omukyala, laba, omwana wo!
- 27 Oluvannyuma n'agamba omuyigirizwa nti Laba nnyoko! Awo okuva mu ssaawa eyo omuyigirizwa oyo n'amutwala eka ewuwe.
 - 28 Oluvannyuma lw'ebyo, Yesu bwe yamanya nti kaakano ebigambo byonna bimaze okutuukirira, ekyawandiikibwa kituukirizibwe, n'agamba nti Nnina ennyonta.
 - 29 Waali wateekeddawo ekibya ekijjudde omwenge omukaatuufu: awo ne bassa ku ezobu ekisuumwa ekijjudde omwenge omukaatuufu, ne bakitwala ku mumwa gwe.
 - 30 Awo Yesu bwe yamala okuweebwa omwenge, n'agamba nti
 - 31 Kiwedde: n'akutanya omutwe gwe, n'awaayo omwoyo gwe.
 - 32 Awo basserikale ne bajja, ne basookera ku omu ne bamumenya amagulu, n'omulala eyakomererwa naye:
 - 33 naye bwe bajja eri Yesu, ne balaba ng'amaze okufa, ne batamumenya magulu:
 - 34 naye sserikale omu n'amufumita mu mbiriizi ze n'effumu, amangu ago ne muvaamu omusaayi n'amazzi.
 - 35 Naye eyalaba n'ategeeza n'okutegeeza kwe kwa mazima: era oyo amanyi ng'ayogera amazima, nammwe mulyoke mukkirize.
 - 36 Kubanga ebyo byabaawo, ekyawandiikibwa kituukirire nti Talimenyebwa ggumba.
 - 37 Era nate ekyawandiikibwa ekirala kigamba nti Balimulaba gwe baafumita.
 - 38 Awo oluvannyuma lw'ebyo Yusufu ow'e Alimasaya, eyali omuyigirizwa wa Yesu, naye mu kyama olw'okutya Abayudaaya, ne yeegayirira Piraato okuggyako omulambo gwa Yesu: awo Piraato n'akkiriza. N'ajja, n'aggyako omulambo gwe.
 - 39 Ne Nikoodemo n'ajja (eyasooka okujja gy'ali ekiro), ng'aleese ebitabule eby'envumbo ne akaloosi, obuzito bw'abyo laateri nga kikumi.
 - 40 Awo ne batwala omulambo gwa Yesu, ne baguzinga mu ngoye z'ekitaani wamu n'eby'akaloosa ebyo, nga Abayudaaya bwe bayisa okuziika.
 - 41 Awo mu kifo we yakomererwa waaliwo olusuku; ne mu lusuku mwalimu entaana empya etannaba kuteekebwamu muntu.
 - 42 Awo kubanga lwali lunaku lwa Kuteekateeka okw'Abayudaaya (era kubanga entaana yali kumpi) ne bassa omwo Yesu.

Essuula 20

- 1 Awo ku lunaku olusooka mu nnaku omusanvu, Malyamu Magudaleene n'ajja mu matulutulu, nga tebunnalaba, eri entaana, n'alaba ng'ejjinja liggiddwa ku ntaana.
- 2 Awo n'addukana, n'ajja eri Simooni Peetero, n'eri omuyigirizwa oli omulala Yesu gwe yayagalanga, n'abagamba nti Baggyeemu Mukama waffe mu ntaana, so tetu-manyi gye bamutadde.
- 3 Awo Peetero n'afuluma, n'omuyigirizwa oyo omulala, ne bagenda ku ntaana.
- 4 Ne baddukana bombi wamu; n'omuyigirizwa oyo omulala n'ayisa Peetero, n'asooka okutuuka ku ntaana:
- 5 n'akutama n'alingizaamu, n'alaba engoye z'ekitaani nga ziteekeddwa awo; naye n'atayingira.
- 6 Awo ne Simooni Peetero n'ajja ng'amugoberera, n'ayingira mu ntaana; n'alaba engoye z'ekitaani nga ziteekeddwa awo.
- 7 n'ekirembe ekyali ku mutwe gwe nga tekiteekeddwa wamu na ngoye z'ekitaani, naye nga kizingiddwa nga kiri kyokka ku bbali.
- 8 Awo n'omuyigirizwa oyo omulala eyasooka okujja ku ntaana, n'ayingira, n'alaba n'akkiriza.
- 9 Kubanga baali tebannategeera ekyawandiikibwa nti kimugwanira okuzuukira mu bafu.

- 10 Awo nate abayigirizwa ne baddayo ewaabwe eka.
- 11 Naye Malyamu yali ayimiridde ebweru awaali entaana ng'akaaba: awo bwe yali ng'akaaba, n'akutama n'alingiza mu ntaana;
- 12 n'alaba bamalayika babiri nga bambadde enjeru, nga batudde, omu emitwetwe omulala mirannamiro, omulambo gwa Yesu we gwali guteekeddwa.
- 13 Abo ne bamugamba nti Omukyala, okaabira ki? N'abagamba nti Kubanga baggyeemu Mukama wange, nange simanyi gye bamutadde.
- 14 Bwe yamala okwogera bw'atyo, n'akyuka ennyuma, n'alaba Yesu ng'ayimiridde, n'atamanya nga ye Yesu.
- 15 Yesu n'amugamba nti Omukyala, okaabira ki? onoonya ani? Ye ng'alowooza nti ye mukuumi w'olusuku, n'amugamba nti Ssebo, oba nga ggwe omututte awalala, mbuulira gy'omutadde, nange nnaamuggyayo.
- 16 Yesu n'amugamba nti Malyamu. N'akyuka n'amugamba mu Lwebbulaniya nti Labooni; amakulu gaakyo Muyigiriza.
- 17 Yesu n'amugamba nti Tonkwatako; kubanga sinnaba kulinyanya mu ggulu eri Kitange: naye genda eri baganda bange, obabuulire nti Nninnya mu ggulu eri Kitange, era Kitammwe, eri Katonda wange, era Katonda wammwe.
- 18 Malyamu Magudaleene n'ajja n'abuulira abayigirizwa nti Ndabye Mukama waffe; era bw'amugambye ebigambo bino.
- 19 Awo ku lunaku luli akawugeezi, ku lunaku olusooka mu nnaku omusanvu, enzigi bwe zaali nga ziggaddwawo abayigirizwa mwe baali, olw'okutya Abayudaaya, Yesu n'ajja, n'ayimirira wakati mu bo, n'abagamba nti Emirembe gibe mu mmwe.
- 20 Awo bwe yamala okwogera bw'atyo, n'abalaga engalo ze n'embiriizi ze. Abayigirizwa ne basanyuka, bwe baalaba Mukama waabwe.
- 21 Awo Yesu n'abagamba nate nti Emirembe gibe mu mmwe: nga Kitange bwe yantuma nze, nange bwe ntyo mbasindika mmwe.
- 22 Bwe yamala okwogera ekyo, n'abassiza omukka, n'abagamba nti Mutoole Omwoyo Omutukuvu:
- 23 be munaggyangako ebibi bonna, baggibwako; be munaasibiranga ebibi bonna, basibirwa.
- 24 Naye Tomasi omu ku kkumi n'ababiri, eyayitibwanga Didumo, teyali nabo Yesu bwe yajja.
- 25 Awo abayigirizwa abalala ne bamubuulira nti Tulabye Mukama waffe. Naye n'abagamba nti Bwe ssiriraba mu bibatu bye enkovu z'enninga, ne nzisa olunwe lwange ku nkovu z'enninga, ne nsonseka omukono gwange mu mbiriizi ze, sirikkiriza n'akatono.
- 26 Oluvannyuma nga wayiseewo ennaku munaana, ate abayigirizwa be baali munda, ne Tomasi ng'ali nabo, Yesu n'ajja, enzigi nga ziggaddwawo, n'ayimirira wakati mu bo n'agamba nti Emirembe gibe mu mmwe.
- 27 Awo n'agamba Tomasi nti Leeta wano olunwe lwo olabe ebibatu byange; era oleete n'omukono gwo, ogusse mu mbiriizi zange; oleme okuba atakkiriza naye akkiriza.
- 28 Tomasi n'addamu n'amugamba nti Ggwe Mukama wange, era Katonda wange.
- 29 Yesu n'amugamba nti Kubanga ondabye, kyovudde okkiriza; balina omukisa abakkiriza nga tebaliiko kye balabye.
- 30 Waliwo obubonero obulala bungi Yesu bwe yakolera mu maaso g'abayigirizwa, obutawandiikiddwa mu kitabo kino;
- 31 naye buno bwawandiikibwa, mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe mukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye.

Essuula 21

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo Yesu ne yeeraga nate mu bayigirizwa be ku nnyanja eye Tiberiya; ne yeeraga bw'ati.
- 2 Baali bali wamu Simooni Peetero, ne Tomasi ayitibwa Didumo, ne Nassanayiri ow'e Kaana eky'e Ggaliraaya, n'abaana ba Zebbedaayo, n'abayigirizwa be abalala babiri.
- 3 Simooni Peetero n'abagamba nti enda kuvuba. Ne bamugamba nti Naffe tugenda naawe. Ne bagenda, ne basaabala mu lyato; ekiro ekyo ne batakwasa kintu.
- 4 Naye bwali bukya Yesu n'ayimirira ku ttale: naye abayigirizwa ne batamanya nga ye Yesu.
- 5 Awo Yesu n'abagamba nti Abaana, mulina ekyokuliira? Ne bamuddamu nti Tetulina.
- 6 N'abagamba nti Musuule omugonjo ku luuyi olwa ddyo olw'eryato, munaakwasa. Awo ne basuula, kale nga tebakayinza kuguwalula olw'ebyennyanja ebingi.
- 7 Awo omuyigirizwa oyo Yesu gwe yayagalanga n'agamba Peetero nti Ye Mukama waffe. Awo Simooni Peetero bwe yawulira nga ye Mukama waffe ne yeesiba olugoye (kubanga yali bwereere) ne yeesuula mu nnyanja.
- 8 Naye abayigirizwa abalala ne bajjira mu lyato ettono (kubanga baali tebali wala n'ettale, naye emikono nga bikumi bibiri,) nga bawalula omugonjo ogulimu ebyennyanja.
- 9 Awo bwe baavaamu ne batuuka ku ttale, ne balaba omuliro ogw'amanda nga guli awo n'ebyennyanja nga biteekeddwako, n'omugaati.
- 10 Yesu n'abagamba nti Muleete ku byennyanja bye mukwasizza kaakano.
- 11 Awo Simooni Peetero n'asaabala, n'awalulira omugonjo ku ttale, nga gujjudde ebyennyanja ebinene, kikumi mu ataano mu bisatu: naye newakubadde nga byali bingi bwe bityo, omugonjo ne gutakutuka.
- 12 Yesu n'abagamba nti Mujje mulye. So mu bayigirizwa ne mutaba muntu eyayaanga okumubuuza nti Ggwe ani, nga bamanyi nga ye Mukama waffe.
- 13 Yesu n'ajja, n'addirira omugaati, n'abawa, n'ebyennyanja bw'atyo.
- 14 Guno gwe mulundi ogw'okusatu Yesu bwe yalabika mu bayigirizwa, oluvannyuma ng'amaze okuzuukira mu bafu.
- 15 Awo bwe baamala okulya, Yesu n'agamba Simooni Peetero nti Simooni, omwana wa Yokaana, onjagala okukira bano? N'amugamba nti Weewaawo, Mukama wange; ggwe omanyi nga nkwegala. N'amugamba nti Liisanga abaana b'endiga bange.
- 16 N'amugamba nate omulundi ogw'okubiri nti Simooni, omwana wa Yokaana, onjagala? N'amugamba nti Weewaawo, Mukama wange; ggwe omanyi nga nkwegala. N'amugamba nti Lundanga endiga zange.
- 17 N'amugamba omulundi ogw'okusatu nti Simooni, omwana wa Yokaana, onjagala? Peetero n'anakuwala kubanga amugambye omulundi ogw'okusatu nti Onjagala? N'amugamba nti Mukama wange, ggwe omanyi byonna; ggwe otegeera nga nkwegala. Yesu n'amugamba nti Liisanga endiga zange.
- 18 Ddala ddala nkugamba nti Bwe wali omuvubuka, weesibanga n'ogenda gy'oyagala yonna: naye bw'olikaddiwa, oligolola emikono gyo, omulala alikusiba, alikutwala gy'otoyagala.
- 19 Yayogera bw'atyo, ng'alaga okufa kw'alifa okugulumiza Katonda. Bwe yamala okwogera bw'atyo, n'amugamba nti Ngoberera.
- 20 Peetero bwe yakyuka, n'alaba omuyigirizwa Yesu gwe yayagalanga ng'agoberera; era oyo ye yagalamura mu kifuba kye ku mmere ey'ekyeggulo, n'agamba nti Mukama wange, ani anaakulyamu olukwe?
- 21 Awo Peetero bwe yalaba oyo n'agamba Yesu nti Mukama wange, n'ono aliba ki?
- 22 Yesu n'amugamba nti Bwe njagala abeerewo okutuusa we ndijjira, ofaayo ki? ggwe

goberera nze.

- 23** Awo ekigambo ekyo ne kibuna mu b'oluganda nti omuyigirizwa oyo talifa: so nga Yesu teyamugamba nga talifa; naye nti Bwe njagala abeerewo okutuusa we ndijjira, ofaayo ki?
- 24** Oyo ye muyigirizwa eyategeeza bino, n'awandiika bino; naffe tumanyi ng'okutegeeza kwe kwa mazima.
- 25** Nate waliwo ebirala bingi Yesu bye yakola, nabyo bwe biwandiikibwa kinnakimu ndowooza nti n'ensi zonna tezandigiddemu bitabo ebyandiwandiikiddwa.

Ebikolwa

Essuula 1

- 1 Ekitabo eky'olubereberye nnakikola, munnange Teefiro, ekya byonna Yesu bye yasooka okukola n'okuyigiriza,
- 2 okutuusa ku lunaku luli bwe yamala okulagira ku bw'Omwoyo Omutukuvu abatume be yalonda n'atwalibwa mu ggulu.
- 3 Bwe yamala okubonyaabonyezebwa ne yeeraga mu bo nga mulamu, mu bubonero bungi, ng'abalabikira ebbanga ly'ennaku amakumi ana, ng'ayogera eby'obwakabaka bwa Katonda.
- 4 Awo bwe yakuaana nabo n'abalagira baleme okuva mu Yersaalemi, naye balindirire okusuubiza kwa Kitaawe kwe baawulira gy'ali:
- 5 kubanga Yokaana yabatiza n'amazzi; naye mmwe mulibatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu nnaku si nnyingi.
- 6 Awo bwe baakuaana ne bamubuuza nga bagamba nti Mukama waffe, mu biro bino mw'onookomezaawo obwakabaka eri Isiraeri?
- 7 N'abagamba nti Si kwammwe okumanya entuuko newakubadde ebiro, Kitaffe bye yateeka mu buyinza bwe ye.
- 8 Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yersaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.
- 9 Bwe yamala okwogera ebyo, nga batunuulira, n'asitulibwa, ekire ne kimutoola okumuggya mu maaso gaabwe.
- 10 Bwe baali bekaliriza amaaso mu ggulu bw'agenda, laba, abantu babiri ne bayimirira kumpi nabo nga bambadde engoye ezitukula;
- 11 abaayogera nti Abantu b'e Ggaliraaya kiki ekibayimiriza nga mutunuulira mu ggulu? Oyo Yesu abaggiddwako okutwalibwa mu ggulu alijja bw'atyo nga bwe mumulabye ng'agenda mu ggulu.
- 12 Ne bakomawo e Yersaalemi okuva ku lusozi oluyitibwa olwa Zeyituuni, oluli okumpi ne Yersaalemi ng'olugendo olw'oku ssabbiiti.
- 13 Awo bwe baayingira ne balinnya mu kisenge ekya waggulu, we baatuulanga; Peetero ne Yokaana ne Yakobo ne Andereya, Firipo ne Tomasi, Battolomaayo ne Matayo, Yakobo omwana wa Alufaayo, ne Simooni Zerote, ne Yuda omwana wa Yakobo.
- 14 Abo bonna baali nga banyikira n'omwoyo gumu mu kusaba, wamu n'abakazi ne Malyamu nnyina Yesu, ne baganda be.
- 15 Mu nnaku ezo Peetero n'ayimirira wakati mu b'oluganda n'ayogera (ekibiina ky'abantu abaakuaana baali nga kikumi mu abiri) nti
- 16 Abasajja ab'oluganda, kyagwana ekyawandiikibwa kituukiririzibwe, Omwoyo Omutukuvu kye yayogera edda mu kamwa ka Dawudi, ku Yuda, eyali omusaale waabwe abaakwata Yesu;
- 17 kubanga yabwirwa wamu naffe, n'aweewwa omugabo gw'okuweereza kuno.
- 18 (Oyo n'agula ennimiro n'empeera ey'obubi bwe; n'agwa nga yeevuunise, n'ayabikamu wakati, ebyenda byonna ne biyiika.
- 19 Ne kitegeerekeka eri abo bonna abaali mu Yersaalemi: ennimiro eyo mu lulimi lwabwe n'okuyitibwa n'eyitibwa Akerudama, ye nnimiro ey'omusaayi.)
- 20 Kubanga kyawandiikibwa mu kitabo kya Zabbuli nti Ekibanja kye kizike, So kireme okubeerangamu omuntu: era nti Obukulu bwe buweebwe omulala.
- 21 Kale kigwanyeye mu bantu abaayitanga naffe mu biro byonna bwe yayingiranga n'avanga gye tuli Mukama waffe Yesu

- 22 okuva ku kubatiza kwa Yokaana okutuusa ku lunaku lwe yatuggibwako, omu ku abo abeere omujulirwa w'okuzuukira kwe awamu naffe.
- 23 Ne baloada babiri, Yusufu ayitibwa Balusaba, n'atumibwa nate erinnya Yusito, ne Matiya.
- 24 Ne basaba, ne bagamba nti Ggwe, Mukama waffe, amanyi emitima gy'abantu bonna, lagako omu gw'olonze ku bano bombi,
- 25 aweebwe ekifo ky'okuweereza okwo n'obutume, Yuda bwe yasubwa agende mu kifo kye ye.
- 26 Ne babakubira obululu; akalulu ne kagwa ku Matiya; n'abalirwa wamu n'abatume ekkumi n'omu.

Essuula 2

- 1 Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka, bonna baali wamu mu kifo kimu.
- 2 Amangu ago okuwuuma ne kuba mu ggulu ng'empewo ewuuma n'amaanyi, ne kujjuza ennyumba yonna mwe baali batudde.
- 3 Ne kulabika ku bo ennimi ng'ez'omuliro nga zeeyawuddemu: buli lulimi ne lutuula ku muntu.
- 4 Bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne batanula okwogera ennimi endala, nga Omwoyo bwe yabawa okuzoogera.
- 5 Waaliwo mu Yerusalemi Abayudaaya nga batudde, abantu abeegendereza, abaava mu buli ggwanga ly'abantu wansi w'eggulu.
- 6 Okuwuuma okwo bwe kwabaawo, ekibiina ne kikuaana ne kisamaalirira, kubanga baawulira buli muntu nga boogera mu lulimi lw'ewaabwe,
- 7 Ne bawuniikirira bonna, ne beewuunya, nga boogera nti Laba, bano bonna aboogera si Bagaliraaya.
- 8 Era kiki ffe buli muntu okuwulira olulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa?
- 9 Abapaazi n'Abameedi, n'Abeeramiti, n'abali mu Mesopotamiya, mu Buyudaaya ne Kapadokiya, mu Ponto ne mu Asiya,
- 10 mu Fulugiya ne mu Panfuliya, mu Misiri ne mu nsi ez'e Libuwa eziriraanye Kuleene, n'Abaruumi abagenyi, Abayudaaya n'abakyufu,
- 11 Abakuleete n'Abawalabu, tuwulira bano nga boogera mu nnimi zaffe eby'ekitalo ebya Katonda.
- 12 Bonna ne beewuunya ne babuusabuusa ne bagambagana nti Amakulu gaakyo kiki kino?
- 13 Naye abalala ne babasekerera ne bagamba nti Batamidde omwenge omusu.
- 14 Naye Peetero bwe yayimirira ne bali ekkumi n'omu, n'ayogerera waggulu n'abagamba nti Abasajja Abayudaaya n'abatuula mu Yerusalemi mwenna, mutegeere kino, mutegere amatu ebigambo byange.
- 15 Kubanga bano tebatamidde, nga mmwe bwe mulowooza; kubanga ye ssaawa ey'okusatu ey'emisana.
- 16 Naye bino bye byayogerwa nnabbi Yoweeri nti
- 17 Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka ku omwoyo gwange ku balina omubiri bonna: Batabani bammwe ne bewala bammwe baliragula, N'abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa, N'abakadde bammwe baliroota ebirooto:
- 18 Weewaawo, ne ku baddu bange n'abazaana bange mu nnaku ziri Ndibafukira ku Mwoyo gwange, baliragula.
- 19 Ndireeta eby'ekitalo mu ggulu waggulu N'obubonero mu nsi wansi, Omusaayi n'omuliro n'okunyooka kw'omukka.
- 20 Enjuba erifuuka ekizikiza, N'omwezi okuba omusaayi, Olunaku lwa Mukama Olukulu

olulitenderezebwa nga terunnaba kujja.

- 21 Olulituuka buli alisaba erinnya Iya Mukama alirokoka.
- 22 Abasajja Abaisiraeri, muwulire bigambo bino. Yesu Omunazaaleesi, omuntu eyabalagibwa Katonda mu bigambo eby'amaanyi n'eb' amagero n'obubonero, Katonda bye yamukozanga wakati mu mmwe, nga mmwe bwe mumanyi;
- 23 oyo bwe yaweebwayo nga Katonda bwe yasooka okuteesa n'okumanya, mwamutwala ne mumukomerera n'emikono gy'abantu ababi, ne mumutta.
- 24 Naye oyo Katonda yamuzuukiza, bwe yasumulula okulumwa kw'okufa: kubanga tekwayinza kumunyweza.
- 25 Kubanga Dawudi amwogerako nti Nnalaba Mukama ennaku zonna mu maaso gange, Kubanga ali ku mukono gwange ogwa ddyo, nneme okusagaasagana.
- 26 Omutima gwange kyegwava gwesiiima, olulimi lwange ne lusanyuka; Era n'omubiri gwange gunaabeeranga mu ssuubi:
- 27 Kubanga tolindeka bulamu bwange mu Magombe, So toliwaayo Mutukuvu wo kuvunda.
- 28 Wanjigiriza amakubo g'obulamu; Olinjijuzi essanyu n'amaaso go.
- 29 Abasajja ab'oluganda, nnyinza okwogerera n'obuvumu mu maaso gammwe ebya jjajjaffe omukulu Dawudi nti yafa n'aziikibwa, n'amalaalo ge gali waffe ne kaakano.
- 30 Kale, bwe yali nnabbi, bwe yamanya nga Katonda yamulayirira ekirayiro, nti mu bazzukulu b'omu ntumbwe ze alituzaako omuntu ku ntebe ye;
- 31 bwe yalaba olubereberye, n'ayogera ku kuzuukira kwa Kristo nga teyalekebwa mu Magombe so nga n'omubiri gwe tegwavunda.
- 32 Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, fenna ffe bajulirwa.
- 33 Awo bwe yalinyisibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, n'aweebwa okusubiza kw'Omwoyo Omutukuvu eri Kitaawe, afuse kino kye mulabye kaakano kye muwulidde.
- 34 Kubanga Dawudi teyalinnya mu ggulu, naye yayogera yennyini nti Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo,
- 35 Okutuusa lwe nditeeka abalabe bo okuba entebe y'ebigere byo.
- 36 Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo, Yesu oyo gwe mwakomerera.
- 37 Awo bwe baawulira ebyo emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala nti Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya?
- 38 Peetero n'abagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya Iya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.
- 39 Kubanga okusuubizibwa kwammwe era kwa baana bammwe n'abo bonna abali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe.
- 40 Era n'abategeeza mu bigambo ebirala bingi n'ababuulirira ng'agamba nti Mulokolebwe mu mirembe gino egyakyama.
- 41 Awo abakkiriza ekigambo kye ne babatizibwa: ne bongerwako ku lunaku luli abantu ng'enkumi ssatu.
- 42 Ne baba nga banyikiriranga okuyigirizibwa kw'abatume, ne mu kusseekimu, ne mu kumenya emigaati ne mu kusaba.
- 43 Buli muntu n'atya: eby'amagero bingi n'obubonero ne bikolebwanga abatume.
- 44 Bonna abakkiriza baali wamu, ne baba nga bassa kimu mu byonna,
- 45 eby'obugagga byabwe n'ebintu bye baali nabyo ne babitunda ne bagabiranga bonna nga buli muntu bwe yali yeetaaga.
- 46 Nabo nga banyikiriranga bulijjo n'omwoyo gumu mu yeekaalu, nga bamenya emigaati mu nnyumba eka, ne balyanga emmere n'essanyu n'omutima ogutalina bukuusa,

47 nga batenderezanga Katonda, nga basiimibwanga abantu bonna. Mukama n'abongerangako bulijjo abaalokokanga.

Essuula 3

- 1 Awo Peetero ne Yokaana ne balinnya mu yeekaalu mu ssaawa ey'okusabiramu, essaawa ey'omwenda.
- 2 Waaliwo omuntu omulema okuva mu lubuto lwa nnyina yali asituliddwa, gwe baa-teekanga bulijjo ku luggi lwa yeekaalu olwayitibwanga Olulungi, okusabanga effeeza abaayingiranga mu yeekaalu.
- 3 Oyo bwe yalaba Peetero ne Yokaana nga bagenda okuyingira mu yeekaalu n'asaba okuweebwa effeeza.
- 4 Peetero awamu ne Yokaana ne bamwekaliriza amaaso, Peetero n'agamba nti Tutunuulire.
- 5 N'abawulira, ng'alowooza nti banaamuwa ekintu.
- 6 Naye Peetero n'agamba nti Effeeza ne zaabu sibirina; naye kye nnina kye nkuwa: mu linnya lya Yesu Kristo Omunazaaleesi, tambula.
- 7 N'amukwata ku mukono ogwa ddyo n'amuyimusa. Amangu ago ebigere bye n'obukongovvule ne bifuna amaanyi:
- 8 n'agolokoka mangu n'ayimirira n'atambula, n'ayingira nabo mu yeekaalu ng'atambula ng'abuuka ng'atendereza Katonda.
- 9 Abantu bonna ne bamulaba ng'atambula ng'atendereza Katonda,
- 10 ne bamutegeera nga ye wuuyo eyatuulanga ku luggi Olulungi olwa yeekaalu okusabirizanga effeeza, ne bawuniikirira nnyo n'okwewuunya olw'ekyo ekimukoleddwa.
- 11 Bwe yali ng'akyekutte Peetero ne Yokaana, ekibiina kyonna ne baddukana gye baali ne bakuaanira mu kisasi ekiyitibwa ekya Sulemaani nga beewuunya nnyo.
- 12 Awo Peetero bwe yalaba n'addamu ekibiina nti Abasajja Abaisiraeri, kiki ekibeewuunyisa bino? Mutwekaliririza ki amaaso ng'amaanyi gaffe ffe oba kutya kwaffe Katonda bye bimumtambuzizza oyo?
- 13 Katonda wa Ibulayimu era owa Isaaka era owa Yakobo, Katonda wa bajjajjaffe, yagulumiza Mulenzi we Yesu, gwe mwawaayo ne mumwegaanira mu maaso ga Piraato, bwe yamalirira okumuta.
- 14 Naye mmwe ne mwegaana Omutukuvu era Omutuukirivu, ne mwagala okuweebwa omussi,
- 15 ne mutta Omukulu w'obulamu; oyo Katonda yamuzuukiza mu bafu: ffe bajulirwa baakyo.
- 16 Era olw'okukkiriza erinnya lye oyo gwe mulaba gwe mumanyi erinnya lye limuwadde amaanyi, n'okukkiriza okuli mu oyo kumuwadde obulamu buno obutuukiridde mu maaso gammwe mwenna.
- 17 Kale kaakano, ab'oluganda, mmanyi nga mwakola nga temumanyi, nga n'abakulu bammwe.
- 18 Naye Katonda bye yabuulira edda mu kamwa ka bannabbi bonna nga Kristo we alibonyaabonyezebwa, yabituukiriza bw'atyo.
- 19 Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama bituuke;
- 20 naye atume Kristo eyabaawulirwa edda, ye Yesu,
- 21 eyagwanyizibwa okutwalibwa mu ggulu okutuusa mu biro eby'okulongoosezaamu byonna, Katonda bye yayogereranga mu kamwa ka bannabbi be abatukuvu abaaliwo okuva ku lubereberye.
- 22 Musa yagamba nti Mukama Katonda alibayimiririza nnabbi aliva mu baganda

bammwe nga nze; oyo mumuwuliranga byonna by' alibagamba.

- 23 Olulituuka buli mwoyo ogutawulira nnabbi oli gulizikirizibwa mu ggwanga.
- 24 Weewaawo ne bannabbi bonna n'abo okuva ku Samwiri n'abo abaamuddirira, bonna abaayogeranga, baabuuliranga eby'ennaku zino.
- 25 Mmwe muli baana ba bannabbi, era ab'endagaano Katonda gye yalagaana ne bajjaj-jammwe, ng'agamba Ibulayimu nti Ne mu zzadde lyo ebika byonna eby'ensi mwe biriweerwa omukisa.
- 26 Okusooka gye muli Katonda, bwe yamala okuzuukiza Mulenzi we n'amutuma gye muli abawe omukisa, ng'akyusa buli muntu mu bibi byammwe.

Essuula 4

- 1 Bwe baali nga boogera n'ekibiina, ne bajja gye baali bakabona n'omukulu wa yeekaalu n'Abasaddukaayo,
- 2 nga banakuwadde nnyo kubanga baayigiriza ekibiina era baabuulira ku bwa Yesu okuzuukira mu bafu.
- 3 Ne babassaako emikono ne babassa mu kkomera okutuusa enkya: kubanga bwali buwungedde.
- 4 Naye abamu bangi abaawulira ekigambo ne bakkiriza, omuwendo gw'abasajja ne baba ng'enkumi ttaano.
- 5 Awo bwe bwakya enkya abakulu n'abakadde n'abawandiisi ne bakuaanira mu Yerusaalemi:
- 6 ne Ana kabona asinga obukulu, ne Kayaafa ne Yokaana ne Alegeezanda, ne bonna ab'ekika kya kabona asinga obukulu:
- 7 ne babateeka wakati, ne babuuzza nti Maanyi ki oba linnya ki eribakoza mmwe ebyo?
- 8 Awo Peetero bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu, n'abagamba nti Abakulu b'abantu n'abakadde,
- 9 bwe tubuulirizibwa leero olw'okukola obulungi omuntu omulwadde, ekimuwonyezza;
- 10 mutegeere mwenna n'ekibiina kyonna eky'Abaisiraeri nti mu linnya lya Yesu Kristo Omunazaaleesi, gwe mwakomerera mmwe, Katonda gwe yazuukiza mu bafu, ku bw'oyo ono ayimiridde nga mulamu mu maaso gammwe.
- 11 Oyo lye jjinja eryanyoomebwa mmwe abazimbi, erifuuse ekkulu ery'oku nsonda.
- 12 So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola.
- 13 Awo bwe baalaba obugumu bwa Peetero ne Yokaana, ne babategeera okuba abantu abatamanyi kusoma era abataayigirizibwa nnyo, ne beewuunya, ne babeetegereza nga baali wamu ne Yesu.
- 14 Era bwe baalaba omuntu eyawonyezzebwa ng'ayimiridde nabo, tebaalina kya kudamu.
- 15 Naye ne balagira bave mu lukiiko, ne basala amagezi bokka nga bagamba nti
- 16 Tunaakola tutya abantu bano? Kubanga bakoze akabonero akayatiikiridde, ekigambo ekyo kimanyiddwa abantu bonna abatuula mu Yerusaalemi, so tetuyinza kukyegaana.
- 17 Naye kireme okwongeranga okubuna mu bantu, tubakange balemenga okwogera mu linnya eryo n'omuntu yenna yenna.
- 18 Ne babayita ne babalagira balemenga okwogera n'akatono newakubadde okuyigirizanga mu linnya lya Yesu.
- 19 Naye Peetero ne Yokaana ne baddamu ne babagamba nti Oba nga kirungi mu maaso ga Katonda okuwulira mmwe okusinga Katonda, mwogere;
- 20 kubanga ffe tetuyinza kulema kwogera bye twalaba bye twawulira.
- 21 Nabo, oluvannyuma lw'okwogera okubakanga, baabata, nga tebalaba kye

banaabalanga okubabonereza, olw'ekibiina; kubanga bonna baali batendereza Katonda olw'ekyo ekikoleddwa.

- 22 Kubanga obukulu bwe yali ayise mu myaka amakumi ana omuntu eyakolerwa akabonero kano ak'okuwonyezebwa.
- 23 Bwe baateebwa ne bagenda mu kibiina kyabwe, ne bategeeza byonna bye bagambid-dwa bakabona abakulu n'abakadde.
- 24 Nabo bwe baawulira ne bayimusa eddoozi lyabwe n'omwoyo gumu eri Katonda, ne bagamba nti Mukama, ggwe eyakola eggulu n'ensi n'ennyanja n'ebirimu byonna,
- 25 ggwe eyayogerera ku bw'Omwoyo Omutukuvu mu kamwa ka jjajjaffe Dawudi mulenzi wo nti Ab'amawanga kiki ekibeasazizza akajegere, N'ebika birowoozezza ebitaliimu?
- 26 Bakabaka b'ensi baasimba ennyiriri, N'abakulu baakuaanira wamu Ku Mukama ne ku Kristo we:
- 27 Kubanga mazima baakuaanira mu kibuga muno ku Mulenzi wo omutukuvu Yesu, gwe wafukako amafuta, Kerode ne Pontio Piraato wamu n'ab'amawanga n'ebika bya Isiraeri,
- 28 bakole byonna omukono gwo n'okuteesa kwo bye byalagira edda okubaawo.
- 29 Kale kaakano, Mukama, laba okukanga kwabwe, owe abaddu bo bagume nnyo okwogeranga ekigambo kyo,
- 30 bw'ogolola omukono gwo owonye, n'obubonero n'amagero bikolebwenga mu linnya lya Mulenzi wo omutukuvu Yesu.
- 31 Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.
- 32 N'ekibiina kyabwe abakkiriza baalina omutima gumu n'emmeeme emu; so tewaali n'omu eyayogeranga nti ekintu ky'alina kye kikye yekka, naye byonna baabanga nabyo mu bumu.
- 33 N'amaanyi mangi abatume ne boogeranga okutegeeza kwabwe okw'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu. N'ekisa kingi ne kibeeranga ku bo bonna.
- 34 Kubanga tewaali mu bo eyeetaaganga; kubanga bonna abaalina ensuku oba ennyumba baazitundanga ne baleeta omuwendo gwazo ezaatundibwanga,
- 35 ne baguteeka ku bigere by'abatume: ne bagabiranga buli muntu nga bwe yeetaaganga.
- 36 Ne Yusufu abatume gwe baayita Balunabba (okutegeezebwa kwalyo nti) Mwana wa ssannyu Omuleevi, eyazaalirwa e Kupulo,
- 37 yalina ennimiro, n'agitunda n'aleeta effeeza n'agiteeka ku bigere by'abatume.

Essuula 5

- 1 Naye omuntu erinnya lye Ananiya ne Safira mukazi we n'atunda ebibye,
- 2 ne yeeterekerako ku muwendo, mukazi we naye ng'amanyi, n'aleetako kitundu butundu n'ateeka ku bigere by'abatume.
- 3 Naye Peetero n'agamba nti Ananiya, Setaani akujjulizza ki omutima gwo okulimba Omwoyo Omutukuvu, ne weeterekerako ku muwendo gw'ennimiro?
- 4 Bwe yali eyo, teyali yiyo? Era bwe yamala okutundibwa, teyali mu buyinza bwo? Kiki ekikuteesezza mu mutima okukola bw'oti? Tolimbye bantu, naye Katonda.
- 5 Ananiya bwe yawulira ebigambo ebyo, n'agwa n'atondoka. Entiisa nnyingi n'ekwata bonna abaawulira ebyo.
- 6 Abalenzi ne bayimuka ne bamuzinga, ne bamutwala ne bamuziika.
- 7 Awo olwatuuka waali wayiseewo essaawa ssatu mukazi we naye n'ayingira nga tamanyi bwe bibadde.
- 8 Peetero n'amuddamu nti Mbuulira, mwatunda ennimiro omuwendo bwe gutyo?

N'agamba nti Weewaawo, bwe guti.

- 9 Naye Peetero n'amugamba nti Kiki ekibatabaganyizza okukema Omwoyo gwa Mukama? Laba, ebigere byabwe abaziise balo biri ku luggi, banaakutwala naawe.
- 10 Amangu ago n'agwa ku bigere bye, n'atondoka: abalenzi bwe baayingira ne bamu-sanga ng'afudde, ne bamutwala ne bamuziika wamu ne bba.
- 11 Entiisa nnene n'ekwata ekkansa yonna ne bonna abaaawulira ebyo.
- 12 Obubonero n'eby'amagero bingi ne bikolebwanga n'emikono gy'abatume mu bantu; bonna baali mu kisasi kya Sulemaani n'omwoyo gumu.
- 13 So n'abalala tewaali n'omu eyayaanga okwegatta nabo; naye abantu ne babagulumizanga;
- 14 abakkiriza ne beeyongeranga okwegatta ne Mukama waffe, bangi abasajja n'abakazi;
- 15 n'okuleeta ne baleetanga mu makubo abalwadde ne babateekanga ku mikeeka ne ku bitanda, Peetero bw'anajja ekisiikirize kye kituuke ku bamu.
- 16 Era ebibiina ne bikuaananga nga biva mu bibuga ebiriraanye Yerusalemi, nga baleeta abalwadde n'abaali babonyaabonyezebwa dayimooni; ne bawonyezebwanga bonna.
- 17 Naye n'ayimuka kabona asinga obukulu ne bonna abaali naye (kye kitundu eky'Abasaddukaayo), ne bajjula obuggya,
- 18 ne bakwata abatume ne babateeka mu kkomera ly'abantu bonna.
- 19 Naye malayika wa Mukama ekiro n'aggulawo enzigi ez'ekkomera, n'abafulumya, n'agamba nti
- 20 Mugende, muyimirire, mubuulire mu yeekaalu abantu ebigambo byonna eby'obulamu buno.
- 21 Bwe baawulira ne bayingira mu yeekaalu mu matulutulu, ne bayigiriza. Naye kabona asinga obukulu n'ajja n'abaali naye, n'ayita olukiiko n'abakadde bonna ab'abaana ba Isiraeri, n'atuma mu kkomera okubaleeta.
- 22 Naye abaami abaagenda tebaabasanga mu kkomera, ne bakomawo, ne boogera
- 23 nga bagamba nti Ekkomera tusanze nga lisibiddwa bulungi ddala n'abakuumi nga bayimiridde ku nzigi; naye bwe tuggudde, tetusanzeemu muntu.
- 24 Bwe baawulira ebigambo ebyo omukulu wa yeekaalu ne bakabona abakulu, ne basoberwa mu bweralikirivu bwabwe ekigambo kino nga bwe kijja okubuna.
- 25 Omuntu n'ajja n'ababuulira nti Laba, abantu bali be mwateese mu kkomera bali mu yeekaalu bayimiridde nga bayigiriza abantu.
- 26 Awo omukulu n'abaami ne bagenda ne babaleeta, si lwa maanyi, kubanga baali batya abantu baleme okubakuba amayinja.
- 27 Ne babaleeta ne babateeka mu maaso g'olukiiko. Kabona asinga obukulu n'ababuza
- 28 ng'agamba nti Okulagira twabalagira obutayigirizanga mu linnya eryo: era, laba, mujjuzizza Yerusalemi okuyigiriza kwammwe, ne mwagala okuleeta ku ffe omusaayi gw'omuntu oyo.
- 29 Naye Peetero n'abatume ne baddamu ne bagamba nti Kigwana okuwulira Katonda okusinga abantu.
- 30 Katonda wa bajjajjaffe yazuukiza Yesu gwe mwatta mmwe bwe mwamuwanika ku muti.
- 31 Oyo Katonda yamulinnyisa ku mukono gwe ogwa ddyo okubeera omukulu era omulokozi, okuwaayo eri Isiraeri okwenenya n'okuggibwako ebibi:
- 32 naffe ffe bajjulirwa b'ebigambo ebyo, era n'Omwoyo Omutukuvu, Katonda gwe yawa abamugondera.
- 33 Naye bo bwe baawulira ne balumwa nnyo, ne baagala okubatta.
- 34 Naye omuntu n'ayimirira mu lukiiko, Omufalisaayo, erinnya lye Gamalyeri, omuyigiriza w'amateeka, alina ekitiibwa mu bantu bonna, n'alagira bazze abasajja ebweru akaseera:

- 35 n'abagamba nti Abasajja Abaisiraeri, mwekuume eby'abantu bano, kye mugenda okubakolako.
- 36 Kubanga edda mu biro ebyayita Syuda yagolokoka ng'agamba nti ye muntu omukulu, abantu nga bikumi bina ne beegatta naye: n'attibwa, bonna abaamuwulira ne basaasaana, emirerembe ne gikoma.
- 37 Oluvannyuma lwe n'agolokoka Yuda Omugaliraaya mu nnaku ez'okuwandiikibwa, n'atwala ekibiina okumugoberera: n'oyo n'abula, bonna abaamuwulira ne basaasaana.
- 38 Ne kaakano mbagamba nti Mwebalame abantu bano, mubaleke: kubanga okuteesa kuno n'omulimu guno oba nga bivudde mu bantu, birizikirira;
- 39 naye oba nga bya Katonda, temuyinza kubizikiriza; muleme okulabika ng'abalwana ne Katonda.
- 40 Ne bamuwulira: ne bayita abatume, ne babakuba, ne balagira obutayogeranga mu linnya lya Yesu, ne babata.
- 41 Awo ne bava mu maaso g'olukiiko nga basanyuka kubanga basaanyizibwa okukwati-bwa ensonyi olw'Erinnya.
- 42 Buli lunaku mu yeekaalu ne mu nnyumba eka tebaayosanga kuyigirizanga n'okubuuliranga Yesu nga ye Kristo.

Essuula 6

- 1 Awo mu nnaku ezo, abayigirizwa bwe beeyongerera obungi, ne wabaawo okwemulugunya mu Bakerenisiti ku Baebbulaniya, kubanga bannamwandu baabwe baabafis-sanga mu kuweereza okwa bulijjo.
- 2 Ekkumi n'ababiri ne bayita ekibiina ky'abayigirizwa, ne bagamba nti Tekiwooma ffe okulekanga ekigambo kya Katonda okuweerezanga ku mmeeza.
- 3 Kale, ab'oluganda, mulonde abantu mu mmwe abasiimibwa musanvu, abajjudde Omwoyo Omutukuvu n'amagezi, be tunaateeka ku mulimu guno;
- 4 naye ffe tunaanyiikiranga mu kusaba n'okuweereza ekigambo.
- 5 Ekigambo ekyo ne kisiimibwa mu maaso g'ekibiina kyonna; ne balonda Suteefano, omuntu eyajjula okukkiriza n'Omwoyo Omutukuvu, ne Firipo, ne Pulokolo, ne Nikanoli, ne Timooni, ne Pammena, ne Nikolaawo, omukyufu ow'e Antiyokiya;
- 6 ne babateeka mu maaso g'abatume; ne basaba, ne babassaako emikono.
- 7 Ekigambo kya Katonda ne kibuna; omuwendo gw'abayigirizwa mu Yerusaalemi ne gweyongerako nnyo; ekibiina kinene ekya bakabona ne bagondera okukkiriza.
- 8 Suteefano bwe yajjula ekisa n'amaanyi n'akolanga amagero n'obubonero obunene mu bantu.
- 9 Naye ne bayimuka abantu abamu ab'ekkuaaniro eriyitibwa ery'Abalibettino, n'ery'Abakuleene n'ery'Abalegezanderiya n'ery'Abakirukiya n'ery'Abasiya, nga bawakana ne Suteefano:
- 10 so tebaayinza kusobola magezi n'Omwoyo bye yayogeza.
- 11 Awo ne baweerera abantu abaagamba nti Twawulira oyo ng'ayogerera ebigambo eby'okuvuma Musa ne Katonda.
- 12 Ne bakubiriza abantu, n'abakadde n'abawandiisi, ne bajja gy'ali, ne bamukwata, ne bamutwala mu lukiiko,
- 13 ne bayimiriza abajulirwa ab'obulimba abaagamba nti Omuntu oyo taleka kwogera bigambo ku kifo kino ekitukuvu n'amateeka:
- 14 kubanga twamuwulira ng'agamba nti Yesu Omunazaaleesi oyo alizikiriza ekifo kino, aliwaanyisa n'empisa ze twaweebwa Musa.
- 15 Bwe baamwekaliriza amaaso, bonna abaali batudde mu lukiiko ne bamulaba amaaso ge nga gafaanana ng'aga malayika.

Essuula 7

- 1 Kabona asinga obukulu n'ayogera nti Ebyo bwe biri bwe bityo?
- 2 Suteefano n'agamba nti Abasajja ab'oluganda era bassebo, muwulire. Katonda ow'ekitiibwa yalabikira jjajjaffe Ibulayimu ng'ali e Mesopotamiya, nga tannabeera Kalani,
- 3 n'amugamba nti Va mu nsi yannyo ne mu kika kyo, ogende mu nsi gye ndikulaga.
- 4 Awo n'ava mu nsi y'Abakaludaaya, n'abeera mu Kalani: oluvannyuma kitaawe bwe yamala okufa, n'amuggyayo n'amuleeta mu nsi eno mwe mutudde mmwe kaakano;
- 5 so teyamuwa butaka muno newakubadde awalinyibwa ekigere: n'asuubiza okugimuwa okugirya, ye n'ezzadde lye oluvannyuma lwe, nga tannaba na mwana.
- 6 Katonda n'ayogera bw'ati ng'ezzadde lye baliba bagenyi mu nsi y'abalala; balibafuula abaddu, balibakolera obubi emyaka bikumi bina.
- 7 N'eggwanga eriribafuula abaddu nze ndisala omusango gwalyo, bwe yayogera Katonda: n'oluvannyuma balivaayo balinsinziza mu kifo kino.
- 8 N'amuwa endagaano ey'okukomola: awo Ibulayimu n'azaala Isaaka, n'amukomolera ku lunaku olw'omunaana: ne Isaaka n'azaala Yakobo: ne Yakobo n'azaala bajjajja abakulu ekkumi n'ababiri.
- 9 Bajjajja abakulu bwe baakwatirwa Yusufu obuggya ne bamutunda mu Misiri. Katonda n'abeeranga naye,
- 10 n'amulokola mu nnaku ze zonna, n'amuwa okuganja n'amagezi mu maaso ga Falaawo kabaka w'e Misiri, n'amufuula omufuzi mu Misiri ne mu nnyumba ye yonna.
- 11 Enjala n'egwa ku nsi yonna ey'e Misiri n'eya Kanani, n'ellnaku nnyingi, so ne batalaba mmere bajjajjaffe.
- 12 Naye Yakobo bwe yawulira ng'emmere enkalu eri Misiri, n'atuma bajjajjaffe omulundi ogw'olubereberye:
- 13 n'omulundi ogw'okubiri Yusufu baganda be ne bamutegeera: ekika kya Yusufu ne kimanyibwa Falaawo.
- 14 Yusufu n'atuma n'ayita Yakobo kitaawe ne baganda be bonna, abantu nsanvu mu bataano.
- 15 Yakobo n'akkirira e Misiri, n'afirayo, ye ne bajjajjaffe;
- 16 ne batwalibwa e Sekemu; ne baziikibwa mu ntaana Ibulayimu gye yagula omuwendo gw'effeeza ku baana ba Kamoli mu Sekemu.
- 17 Naye ng'ebiro eby'okusuubiza bwe byali okumpi, Katonda kwe yayatulira Ibulayimu, abantu ne beeyongera ne baala mu Misiri,
- 18 okutuusa kabaka omulala lwe yabaawo ku Misiri ataamanya Yusufu.
- 19 Oyo bwe yasalira amagezi eggwanga lyaffe, n'akola obubi bajjajjaffe, ng'abasuzanga abaana baabwe abawere baleme okubeera abalamu.
- 20 Mu biro ebyo Musa n'azaalibwa, n'abeera mulungi eri Katonda, ne bamuliisiza emyezi esatu mu nnyumba ya kitaawe.
- 21 Bwe yasuulibwa, muwala wa Falaawo n'amutwala n'amulera ng'omwana we.
- 22 Musa n'ayigirizibwa mu magezi gonna ag'e Misiri; n'abeera wa maanyi mu bigambo bye ne mu bikolwa bye.
- 23 Naye obukulu bwe yali alitera okutuusa emyaka amakumi ana, n'alowooza mu mutima gwe okulaba baganda be, abaana ba Isiraeri.
- 24 Bwe yalaba omuntu akolwa obubi, n'amutaasa, n'amuwoolera eggwanga omuntu eyali akolwa obubi, n'akuba Omumisiri.
- 25 N'alowooza nti baganda be banaategeera nga Katonda agenda okubawa obulokozi mu mikono gye: naye tebaategeera.
- 26 Nate ku lunaku olw'okubiri n'abasanga nga balwana, n'agezaako okubatabaganya,

ng'agamba nti Abasajja, mmwe muli ba luganda: kiki ekibakoza obubi mwekka na mwekka?

- 27 Naye oli eyali akola munne obubi n'amusindika eri, ng'agamba nti Ani eyakufuula ggwe omukulu n'omulamuzi waffe?
- 28 Oyagala kunzita nze nga bwe watta Omumisiri jjo?
- 29 Musa n'adduka olw'ekigambo ekyo, n'abeera mugenyi mu nsi ya Midiyaani, gye yazaalira abaana babiri ab'obulenzi.
- 30 Awo emyaka amakumi ana bwe gyatuuka, malayika wa Mukama n'amulabikira mu nnimi z'omuliro nga gwaka mu kisaka, bwe yali mu ddungu ku lusozi Sinaayi.
- 31 Musa bwe yalaba ne yeewuunya ky'alabye. Bwe yasembera okwetegereza, ne wabaawo eddoozi lya Mukama nti
- 32 Nze Katonda wa bajjajja bo, Katonda wa Ibulayimu, era owa Isaaka, era owa Yakobo. Musa n'akankana, so teyaguma kutunuulira.
- 33 Mukama n'amugamba nti Sumulula engatto eziri mu bigere byo: kubanga mu kifo wano w'oyimiridde watukuvu.
- 34 Okulaba ndabye okukolwa obubi abantu bange abali mu Misiri, ne mpulira okusinda kwabwe, ne nzika okubawonya. Kale kaakano jjangu, nnaakutuma mu Misiri.
- 35 Oyo Musa gwe baagaana nga bagamba nti Ani eyakufuula omukulu era omulamuzi? oyo Katonda gwe yatuma okuba omukulu era omununuzi mu mukono gwa malayika eyamulabikira mu kisaka.
- 36 Oyo n'abaggyayo bwe yamala okukola amagero n'obubonero mu Misiri, ne mu Nnyanja Emmyufu, ne mu ddungu emyaka amakumi ana.
- 37 Oyo ye Musa oli eyagamba abaana ba Isiraeri nti Katonda alibaleetera nnabbi aliva mu baganda bammwe nga nze.
- 38 Oyo ye yali mu kkanisa mu ddungu, wamu ne malayika eyayogerera naye ku lusozi Sinaayi, era wamu ne bajjajjaffe; eyaweebwa ebigambo eby'obulamu okutuwa ffe:
- 39 bajjajjaffe gwe bataayagala kuwulira, naye baamusindika eri, ne baddayo e Misiri mu mitima gyabwe,
- 40 nga bagamba Alooni nti Tukolere bakatonda abalitukulembera: kubanga Musa oyo, eyatuggya mu nsi y'e Misiri, tetumanyi ky'abadde.
- 41 Ne bakola ennyana mu nnaku ziri, ekifaananyi ne bakireetera ssaddaaka, ne basanyukira emirimu gy'emikono gyabwe.
- 42 Naye Katonda n'akyuka, n'abawaayo okusinzanga eggye ery'omu ggulu; nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo kya bannabbi nti Mwampeeranga nze ensolo ezattibwanga ne ssaddaaka Emyaka amakumi ana mu ddungu, ennyumba ya Isiraeri?
- 43 Ne musitula eweema ya Moloki, N'emmunyeenye ya katonda Lefani, Ebifaananyi bye mwakola okubisinzanga: Nange ndibatwala ennyuma w'e Babbulooni.
- 44 N'eweema ey'obujulirwa yali ne bajjajjaffe mu ddungu, nga bwe yalagira eyagamba Musa okugikola ng'engeri gye yalaba bwe yali:
- 45 bajjajjaffe bwe baagiweebwa ne bagireeta wamu ne Yoswa bwe baalya amatwale g'ab'amawanga, Katonda be yagobanga mu maaso ga bajjajjaffe okutuusa mu nnaku za Dawudi;
- 46 eyasiimibwa mu maaso ga Katonda, n'asaba okumunoonyeza aw'okutuuza Katonda wa Yakobo.
- 47 Naye Sulemaani n'amuzimbira ennyumba.
- 48 Naye Ali waggulu ennyo tatuula mu nnyumba ezaakolebwa n'emikono; nga nnabbi bw'ayogera nti
- 49 Eggulu ye ntebe yange, N'ensi ye ntebe y'ebigere byange: Nnyumba ki gye mulinzimbira? bw'ayogera Mukama: Oba kifo ki mwe ndiwummulira?
- 50 Omukono gwange si gwe gwabikola ebyo byonna?

- 51 Mmwe abalina ensingo enkakanyavu, abatakomolebwa mu mitima ne mu matu, mmwe muziyiza bulijjo Omwoyo Omutukuvu; nga bajjajja bammwe, nammwe bwe mutyo.
- 52 Nnabbi ki gwe bataayigganya bajjajjammwe? Battanga abaasooka okubuulira ebigambo eby'okujja kwe Omutuukirivu, gwe mumaze okuwaayo kaakano okumutta;
- 53 mmwe abaaweebwa amateeka nga bwe gaalagirwa bamalayika, so temwagakwata.
- 54 Awo bwe baawulira ebyo ne balumwa mu mitima gyabwe, ne bamulumira obujiji.
- 55 Naye bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu, n'akaliriza amaaso mu ggulu, n'alaba ekiti-ibwa kya Katonda, ne Yesu ng'ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda;
- 56 n'agamba nti Laba, ntunuulidde eggulu nga libikkuse n'Omwana w'Omuntu ng'ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.
- 57 Ne baleekaana n'eddoboozi ddene, ne baziba amatu gaabwe, ne bamweyiwako n'omwoyo gumu,
- 58 ne bamusindiikiriza ebweru w'ekibuga, ne bamukuba amayinja. Abajulirwa ne bateeka engoye zaabwe ku bigere by'omulenzi, erinnya lye Sawulo.
- 59 Ne bakuba amayinja Suteefano bwe yasaba n'agamba nti Mukama wange Yesu, twala omwoyo gwange.
- 60 N'afukamira n'akaaba n'eddoboozi ddene nti Mukama wange, tobabalira kibi kino. Bwe yamala okwogera ebyo ne yeebaka.

Essuula 8

- 1 Ne Sawulo yasiima okuttibwa kwe. Ne wabaawo ku lunaku olwo okuyigganyizibwa kunene ku kkanisa eyali mu Yerusaalemi. Bonna ne basaasaanira mu nsi z'e Buyudaaya n'e Samaliya, wabula abatume.
- 2 Abantu abaatya Katonda ne baziika Suteefano, ne bamukaabira nnyo.
- 3 Naye Sawulo n'agirira ekkansa ekyejo kingi, ng'ayingira mu buli nju, ng'awalula abasajja n'abakazi n'abateeka mu kkomera.
- 4 Awo abo abaasaasana ne bagenda nga babuulira ekigambo.
- 5 Firipo n'aserengeta mu kibuga eky'e Samaliya, n'ababuulira Kristo.
- 6 Ebibiina ne biwulira n'omwoyo gumu ebigambo Firipo by'ayogedde, bwe baawulira ne balaba eby'amagero ge yakolanga.
- 7 Kubanga bangi ku bo abaaliko dayimooni, ne babavangako nga bakaaba n'eddoboozi ddene: ne bawonanga bangi abaali balwadde okukoozimba n'abalema.
- 8 Essanyu lingi ne libeera mu kibuga omwo.
- 9 Naye waaliwo omuntu omu, erinnya lye Simooni, eyakolanga eddogo edda mu kibuga omwo n'awuniikirizanga eggwanga ly'e Samaliya, ng'agamba nti ye mukulu;
- 10 ne bamuwuliranga bonna okuva ku muto okutuuka ku mukulu, nga bagamba nti Omuntu ono ge maanyi ga Katonda agayitibwa Amangi.
- 11 Ne bamuwuliranga, kubanga ennaku nnyingi yabawuniikirizanga n'okuloga kwe.
- 12 Naye bwe bakkiriza Firipo ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo, ne babatizibwa abasajja n'abakazi.
- 13 Era ne Simooni yennyini n'akkiriza: bwe yamala okubatizibwa n'abeeranga wamu ne Firipo; bwe yalabanga eby'amagero n'obubonero obunene obwakolebwanga ne yeewuunya.
- 14 Awo abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira nga e Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana.
- 15 Nabo bwe baatuuka ne babasabira okuweebwa Omwoyo Omutukuvu:
- 16 kubanga yali tannaba kubakkako n'omu ku bo: naye baabatizibwa bubatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu.

- 17 Awo ne babassaako emikono, ne baweebwa Omwoyo Omutukuvu.
- 18 Naye Simooni bwe yalaba ng'olw'okussibwako emikono gy'abatume baaweebwa Omwoyo Omutukuvu, n'abaleetera effeeza
- 19 ng'agamba nti Mumpe nange obuyinza buno buli gwe nnassangako emikono aweebwenga Omwoyo Omutukuvu.
- 20 Naye Peetero n'amugamba nti Effeeza yo ezikirire naawe, kubanga olowoozezza okufuna ekirabo kya Katonda n'ebintu.
- 21 Tolina mugabo newakubadde okugabana mu kigambo kino: kubanga omutima gwo si mugolokofu mu maaso ga Katonda.
- 22 Kale weeneye obubi bwo obwo, osabe Mukama waffe, mpozzi olisonyiyibwa ekirowoozo eky'omu mutima gwo.
- 23 Kubanga nkulaba oli mu mususa ogukaawa ne mu nvuba y'obubi.
- 24 Simooni n'addamu n'agamba nti Munsabire mmwe eri Mukama ebigambo ebyo bye mwogedde bireme okumbaako n'ekimu.
- 25 Awo bwe baamala okutegeeza n'okubuulira ekigambo kya Mukama waffe, ne baddayo e Yerusalemi, ne babuulira enjiri mu mbuga nnyingi ez'Abasamaliya.
- 26 Naye malayika wa Mukama n'agamba Firipo ng'ayogera nti Golokoka, ogende obukika obwa ddyo okutuuka mu kkubo eriserengeta okuva mu Yerusalemi okutuuka e Ggaaza: ekkubo eryo lya ddungu.
- 27 N'agolokoka n'agenda: kale, laba, omuntu Omuwesiyopya, omulaawe omukungu wa Kandake kabaka omukazi ow'Abaesiyopya, eyali omuwanika w'ebintu bye byonna, yali azze e Yerusalemi okusinza,
- 28 yali addayo n'atuula mu ggaali lye, n'asoma nnabi Isaaya.
- 29 Omwoyo n'agamba Firipo nti Sembera, weegatte n'eggaali eryo.
- 30 N'addukana Firipo n'amuwulira ng'asoma nnabbi Isaaya, n'agamba nti Obitegedde by'osoma?
- 31 N'agamba nti Nnyinza ntya, wabula nga waliwo anandagirira? Ne yeegayirira Firipo alinnye atuule naye.
- 32 Mu kifo awaawandiikibwa we yali asoma we wagamba nti Yatwalibwa okuttibwa ng'endiga, Era ng'omwana gw'endiga mu maaso g'omusazi w'ebyoya bwe gusirika, Bwekityo teyayasama kamwa ke:
- 33 Mu kwetoowaza kwe omusango gwe gwaggibwawo: Ekika kye ani alikinnyonnyola? Kubanga obulamu bwe buggibwa mu nsi.
- 34 Omulaawe n'addamu Firipo n'agamba nti Nkwegayiridde, nnabbi yayogera ku ani ebigambo bino? Bibye yekka oba bya muntu mulala?
- 35 Firipo n'ayasama akamwa ke n'asookera ku kyawandiikibwa kino n'amubuulira Yesu.
- 36 Awo bwe baali batambula mu kkubo ne batuuka awali amazzi; omulaawe n'agamba nti Laba, amazzi; kiki ekindobera okubatizibwa?
- 37 (Firipo n'agamba nti Oba ng'okkirizza n'omutima gwo gwonna, kirungi. N'addamu n'agamba nti Nzikirizza Yesu Kristo nga ye Mwana wa Katonda.)
- 38 N'alagira eggaali okuyimirira: ne bakka bombi mu mazzi. Firipo n'omulaawe; n'amubatiza.
- 39 Bwe baava mu mazzi, Omwoyo gwa Mukama n'atwala Firipo, omulaawe n'atumulabate: kubanga yagenda ng'asanyuka.
- 40 Naye Firipo yalabikira mu Azoto: bwe yayita n'abuulira mu bibuga byonna okutuuka e Kayisaliya.

Essuula 9

- 1 Naye Sawulo bwe yali akyayogera ebigambo eby'okukanga n'eby'okutta abayigirizwa

- ba Mukama waffe, n'agenda eri kabona asinga obukulu,
- 2 n'amusaba ebbaluwa ez'okugenda e Ddamasiko, eri amakuaaniro, bw'alirabayo abantu ab'ekkubo, oba nga basajja oba bakazi, abasibe abaleete e Yerusalemi.
 - 3 Awo bwe yali ng'atambula, ng'anaatera okutuuka e Ddamasiko, amangu ago omusana oguva mu ggulu ne gumwakira okumwetoolola,
 - 4 n'agwa wansi, n'awulira eddoozi nga limugamba nti Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki?
 - 5 N'agamba nti Ani ggwe, Mukama wange? Ye n'agamba nti Nze Yesu, gw'oyigganya ggwe:
 - 6 naye golokoka oyingire mu kibuga; onoobuulirwa ebikugwanidde okukola.
 - 7 Naye abaali batambula naye ne bayimirira nga basamaaliridde, kubanga bawulidde eddoozi naye ne batalaba muntu.
 - 8 Sawulo n'agolokoka wansi, amaaso ge bwe gaazibuka, n'atalaba kintu: ne bamukwata ku mukono ne bamuleeta e Ddamasiko.
 - 9 N'amala ennaku ssatu nga talaba, era nga talya, wadde nga tanywa.
 - 10 Yaliyo omuyigirizwa mu Ddamasiko, erinnya lye Ananiya; Mukama waffe n'amugamba mu kwolosebwa nti Ananiya. N'amugamba nti Laba, nze nzuuno, Mukama wange.
 - 11 Mukama waffe n'amugamba nti Golokoka ogende mu kkubo eriyitibwa Eggolokofu, obuulirize mu nnyumba ya Yuda omuntu erinnya lye Sawulo ow'e Taluso; kubanga, laba, asaba;
 - 12 era alabye omuntu, erinnya lye Ananiya, ng'ayingira, ng'amussaako emikono azibule.
 - 13 Naye Ananiya n'addamu nti Mukama wange, omuntu oyo nnawulira ebigambo bye mu bangi, obubi bwe yakolanga abatukuvu be abali e Yerusalemi bwe buli obungi:
 - 14 ne wano alina obuyinza obuva eri bakabona abakulu okubasiba bonna abakusaba erinnya lyo.
 - 15 Naye Mukama waffe n'amugamba nti Genda; kubanga oyo kye kibya ekironde gye ndi okutwalanga erinnya lyange mu maaso g'amawanga ne bakabaka n'abaana ba Isiraeri.
 - 16 Kubanga ndimulaga ebigambo bwe biri ebingi ebimugwanidde okubonyaabonyezebwa olw'erinnya lyange.
 - 17 Ananiya n'agenda n'ayingira mu nnyumba, bwe yamussaako emikono n'ayogera nti Ow'oluganda Sawulo, Mukama waffe antumye, Yesu eyakulabikira mu kkubo lye wafulumamu, ozibule, ojjuzibwe Omwoyo Omutukuvu.
 - 18 Amangu ago ku maaso ge ne kuba ng'okuvuddeko amagamba, n'azibula, n'ayimirira n'abatizibwa:
 - 19 bwe yatoola emmere n'afuna amaanyi. N'abeera n'abayigirizwa abaali mu Ddamasiko ennaku nnyingiko.
 - 20 Amangu ago n'abuulira Yesu mu makuaaniro ng'oyo ye Mwana wa Katonda.
 - 21 Bonna abamuwulira ne beewuunya ne bagamba nti Si ye wuuno eyanyaganga mu Yerusalemi abasabanga erinnya eryo? kye kyamuleeta ne wano abasibe abatwale eri bakabona abakulu.
 - 22 Naye Sawulo ne yeeyongeranga okuba n'amaanyi n'akwasanga ensanyi Abayudaaya abaali batuula e Ddamasiko, ng'ategeereza ddala nti oyo ye Kristo.
 - 23 Awo bwe waayitawo ennaku nnyingi, Abayudaaya ne bateesa okumutta.
 - 24 Naye amagezi gaabwe Sawulo n'agamanya. Ne bateeganga ne ku nzigi emisana n'ekiro okumutta.
 - 25 Naye abayigirizwa be ne bamutwala kiro ku kisenge, ne bamussiririza mu kiseru.
 - 26 Bwe yatuuka e Yerusalemi n'agezaako okwegatta n'abayigirizwa: ne bamutya bonna, nga tebannaba kukkiriza nga naye muyigirizwa.

- 27 Naye Balunabba n'amutwala n'amuleeta eri abatume, n'abannyonnyola bwe yalaba Mukama waffe mu kkubo, era nti yayogera naye, ne bwe yabuulira n'obugumu mu Ddamasiko mu linnya Iya Yesu.
- 28 N'abeeranga wamu nabo ng'ayingiranga ng'afulumanga mu Yerusaalemi,
- 29 ng'abuuliranga n'obugumu mu linnya Iya Mukama waffe: n'ayogera n'awakananga n'Abakerenisiti: naye ne bagezaako okumutta.
- 30 Ab'oluganda bwe baategeera ne bamutwala e Kayisaliya, ne bamusindika e Taluso.
- 31 Awo ekanisa eyali mu Buyudaaya bwonna ne mu Ggaliraaya ne mu Samaliya n'eba n'emirembe, ng'ezimbibwanga; era ng'etambuliranga mu kutya Mukama waffe ne mu ssanyu ery'Omwoyo Omutukuvu ne yeeyongerera.
- 32 Awo olwatuuka Peetero bwe yali ng'ayita wonna wonna, n'aserengeta eri abatukuvu abaali batuula mu Luda:
- 33 n'asangayo omusajja erinnya lye Ayineya eyali yaakamaze ku kitanda emyaka munaana, olw'endwadde y'okukoozimba.
- 34 Peetero n'amugamba nti Ayineya, Yesu Kristo akuwonya: yimirira, weeyalire. Amangu ago n'ayimirira.
- 35 Bonna abaali batuula mu Luda ne mu Saloni ne bamulaba ne bakyukira Mukama waffe.
- 36 Awo waaliwo mu Yopa omukazi omuyigirizwa, erinnya lye Tabbiisa (okutegeezebwa kwalyo ayitibwa Doluka): omukazi oyo yali ajjudde ebikolwa ebirungi n'abintu bye yagabanga.
- 37 Olwatuuka mu nnaku ezo n'alwala n'afa: bwe baamala okumunaaza ne bamuteeka mu kisenge ekya waggulu.
- 38 Era kubanga Luda kyali kumpi ne Yopa, abayigirizwa bwe baawulira nga Peetero gyali, ne bamutumira abantu babiri nga bamwegayirira nti Tolwa, tuukirira gye tuli.
- 39 Peetero n'agolokoka n'agenda nabo. Bwe yatuuka ne bamutwala mu kisenge ekya waggulu: ne bannamwandu bonna ne bayimirira kumpi naye, nga bakaaba nga boolesa ebizibawo n'ebyambalo Doluka bye yakolanga ng'akyali nabo.
- 40 Naye Peetero n'abafulumya bonna n'afukamira n'asaba; n'akyukira omulambo n'agamba nti Tabbiisa, yimirira. N'azibula amaaso ge; awo bwe yalaba Peetero, n'agolokoka n'atuula.
- 41 N'amuwa omukono n'amuyimusa; awo bwe yamala okuyita abatukuvu ne bannamwandu, n'amuleeta, nga mulamu.
- 42 Ne kitegeerwa mu Yopa kyonna; bangi ne bakkiriza Mukama waffe.
- 43 Awo olwatuuka n'alwayo ennaku nnyingi mu Yopa mu nnyumba ya Simooni omuwazi w'amaliba.

Essuula 10

- 1 Waaliwo omuntu mu Kayisaliya, erinnya lye Koluneeriyo, omwami w'ekitongole ekyayitibwanga Ekitaliano,
- 2 omwegendereza, atya Katonda awamu n'ennyumba ye yonna, eyagabanga ebintu ebingi mu bantu, n'asabanga Katonda ennaku zonna.
- 3 Oyo n'alaba mu kwolesebwa mu lwatu, nga mu ssaawa ey'omwenda ey'emisana, malayika wa Katonda ng'amuyingirira, ng'amugamba nti Koluneeriyo.
- 4 N'amwekaliriza amaaso n'atya n'agamba nti Kiki, Mukama wange? N'amugamba nti Okusaba kwo n'okugaba kwo birinnye olw'okujjukiza mu maaso ga Katonda.
- 5 Era kaakano tuma abantu e Yopa, oyiteyo omuntu Simooni, erinnya lye ery'okubiri Peetero:
- 6 oyo yakyazibwa omuntu Simooni, omuwazi w'amaliba, n'ennyumba ye eriraanye ku

nnyanja.

- 7 Malayika eyayogera naye bwe yagenda, yayita abaddu be babiri ab'omu nnyumba ne sserikale atya Katonda mu abo abaamuweerezanga buliijo:
- 8 bwe yamala okubategeeza ebigambo byonna n'abatuma e Yopa.
- 9 Awo ku lunaku olw'okubiri, bwe baali nga batambula abo, nga banaatera okutuuka ku kibuga, Peetero n'alinnya ku nju waggulu okusaba nga mu ssaawa ey'omukaaga.
- 10 N'alumwa enjala n'ayagala okulya. Naye bwe baali nga bajjula, omwoyo gwe ne guwaanyisibwa;
- 11 n'alaba eggulu nga libikkuse, ekintu ne kimukkira nga kifaanana essuuka ennene, ng'ekwatiddwa ku birenge bina okussibwa, n'essibwa wansi:
- 12 omwali ebisolo byonna ebirina amagulu ana, n'eby'ewalula eby'ensi, n'ennyonyi ez'omu bbanga.
- 13 Eddoboozi ne lijja eri ye nti Golokoka, Peetero, osale olye.
- 14 Naye Peetero n'agamba nti Nedda, Mukama wange; kubanga siriyanga kya muzizo newakubadde ekibi.
- 15 Eddoboozi nate (ne lijja) gy'ali omulundi ogw'okubiri nti Katonda bye yalongoosa tobifuulanga ggwe bya muzizo.
- 16 Ne kiba bwe kityo emirundi esatu: amangu ago ekintu ne kitwalibwa mu ggulu.
- 17 Awo Peetero bwe yabusabuusa munda mu ye amakulu g'okwolesebwa kw'alabye bwe gali, laba, abantu abaatumibwa Koluneeriyo, bwe baamala okubuuza ennyumba ya Simooni, ne bayimirira ku luggi,
- 18 ne bayita ne babuuza nga Simooni, erinnya lye ery'okubiri Peetero, yakyazibwa omwo.
- 19 Awo Peetero bwe yali alowooza ku kwolesebwa, Omwoyo n'amugamba nti Laba, abantu basatu bakunoonya.
- 20 Naye golokoka, okke ogende nabo nga tobusabuusa: kubanga nze mbatumye.
- 21 Peetero n'akka eri abantu n'agamba nti Laba, nze nzuuno gwe munoonya: kiki ekibaleese?
- 22 Ne bagamba nti Koluneeriyo omwami, omuntu omutuukirivu, atya Katonda, eyasiimibwa mu ggwanga lyonna ery'Abayudaaya, yalabulwa malayika omutukuvu okukutu-mira okujja mu nnyumba ye, awulire ebigambo ebiva mu ggwe.
- 23 Awo n'abayingiza n'abaaniriza. Awo ku lunaku olw'okubiri Peetero n'agolokoka n'asitula wamu nabo, n'ab'oluganda abamu ab'omu Yopa ne bagenda naye.
- 24 Awo ku lunaku olw'okubiri ne bayingira mu Kayisaliya. Koluneeriyo yali ng'abalindirira ng'akuaanyizza ab'ekika kye n'abaali mikwano gye ennyo.
- 25 Awo Peetero bwe yali anaatera okuyingira Koluneeriyo n'amusisinkana, n'amufukaamirira ku bigere n'asinza.
- 26 Naye Peetero n'amuyimusa ng'agamba nti Yimirira; nange ndi muntu buntu.
- 27 Ng'ayogera naye n'ayingira n'asanga bangi nga bakuaanye,
- 28 n'abagamba nti Mumanyi nga si kirungi omuntu Omuyudaaya okwegatta n'ow'eggwanga eddala oba okujja gy'ali; era Katonda yandaga nnemenga okuyita amuntu yenna ow'omuzizo oba omubi.
- 29 Kyenvudde njija ne ssigaana bwe nnayitibwa. Kyeava mbuuza nti Kiki ekimpisizza?
- 30 Awo Koluneeriyo n'agamba nti Kaakano waakayitawo ennaku nnya nnali nga nsaba, okutuusa mu ssaawa eno okusaba okw'omu ssaawa ey'omwenda mu nnyumba yange; laba, omuntu n'ayimirira mu maaso gange eyalina engoye ezimamasa,
- 31 n'agamba nti Koluneeriyo, okusaba kwo kwawulirwa, okugaba kwo ne kujjukirwa mu maaso ga Katonda.
- 32 Kale tuma e Yopa, oyite Simooni, erinnya lye ery'okubiri Peetero: oyo yakyazibwa mu nnyumba ya Simooni omuwazi w'amaliba eri okumpi n'annyanja.

- 33 Awo amangu ago ne nkutumira: n'okola bulungi bw'ozze. Kale kaakano tuli wano fenna mu maaso ga Katonda tuwulire byonna by'olagiddwa Mukama.
- 34 Awo Peetero n'ayasamya akamwa ke n'agamba nti Mazima ntegedde nga Katonda tasosola mu bantu:
- 35 naye mu ggwanga lyonna lyonna amutya n'akola obutuukirivu amukkiriza.
- 36 Ekigambo kye yatumira abaana ba Isiraeri, ng'abuulirira emirembe mu Yesu Kristo (ye Mukama w'ebintu byonna)-
- 37 mmwe mukimanyi, ekyayogerwa ekyali mu Buyudaaya bwonna, ekyasookera mu Ggaliraaya oluvannyuma lw'okubatiza kwe yabuulira Yokaana,
- 38 Yesu Omunazaaleesi Katonda bwe yamufukaako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi: eyatambulanga ng'akola bulungi, ng'awonya bonna abaaajoogebwanga Setaani; kubanga Katonda yali naye.
- 39 Naffe tuli bajulirwa b'ebigambo byonna bye yakola mu nsi y'Abayudaaya ne mu Yerusaalemi; oyo ne bamutta bwe baamuwanika ku muti.
- 40 Oyo Katonda n'amuzuukiriza ku lunaku olw'okusatu n'amulaga mu lwatu,
- 41 si mu bantu bonna naye mu bajulirwa Katonda be yalonda olubereberye, be ffe abaalya ne tunywa naye bwe yamala okuzuukira mu bafu.
- 42 N'atulagira okubuulira abantu n'okutegeeza ng'oyo Katonda gwe yalagira okubeera omusazi w'omusango gw'abalamu n'abafu.
- 43 Oyo bannabbi bonna bamulangako nga buli amukkiriza aggibwako ebibi olw'erinnya lye.
- 44 Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu n'abagwako bonna abawulira ekigambo.
- 45 Ne basamaalirira abakkiriza abakomole, bonna abajja ne Peetero, kubanga ne ku mawanga ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu kifukiddwa.
- 46 Kubanga baabawulira nga boogera ennimi ne bagulumiza Katonda. Awo Peetero n'addamu nti
- 47 Omuntu ayinza okugaana amazzi bano obutabatizibwa, bano abaweereddwa Omwoyo Omutukuvu nga ffe?
- 48 N'alagira babatizibwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo. Oluvannyuma ne bamwegayirira okumalayo ennaku nnyingiko.

Essuula 11

- 1 Abatume n'ab'oluganda abaali mu Buyudaaya ne bawulira ng'amawanga nabo bakkirizza ekigambo kya Katonda.
- 2 Awo Peetero bwe yayambuka e Yerusaalemi, bali abakomole ne bawakana naye
- 3 nga bagamba nti Wagenda mu bantu abatali bakomole n'olya nabo.
- 4 Naye Peetero n'atanula n'abannyonyola kinnakimu ng'agamba nti
- 5 Nze nnali mu kibuga Yopa nga nsaba; omwoyo gwange ne guwaanyisibwa, ne ndaba mu kwolesebwa ekintu nga kikka ng'essuuka ennene, nga kikwatiddwa ku birenge ebina okussibwa nga kiva mu ggulu, ne kinjijira:
- 6 bwe nneekaliriza amaaso ne ndowooza ne ndaba ebisolo by'oku nsi ebirina amagulu ana n'ebisolo eby'omu nsiko, n'eby'ekulula n'ennyonyi ez'omu bbanga.
- 7 Era ne mpulira eddoozi nga liamba nti Peetero, yimirira osale olye.
- 8 Naye neamba nti Nedda, Mukama wange; kubanga ekintu eky'omuzizo newakubadde ekibi tekiyingiranga mu kamwa kange n'akatono.
- 9 Naye eddoozi ne linziramumu omulundi ogw'okubiri nga liva mu ggulu nti Katonda bye yalongoosa tobifuulanga ggwe bya muzizo.
- 10 Ne kiba bwe kityo emirundi esatu; byonna ne birinnyisibwa nate mu ggulu.

- 11 Kale, laba, amangu ago abantu basatu baali nga bayimiridde mu maaso g'ennyumba mwe twali, abaatumibwa gye ndi okuva e Kayisaliya.
- 12 Omwoyo n'aamba okugenda nabo, obutayawula. Bano ab'oluganda omukaaga ne bagenda nange, ne tuyingira mu nnyumba y'oli;
- 13 n'atubuulira bwe yalaba malayika mu nnyumba ye ng'ayimiridde ng'agamba nti Tuma e Yopa oyite Simooni erinnya lye ery'okubiri Peetero;
- 14 alikubuulira ebigambo ebirikulokola ggwe n'ennyumba yo yonna.
- 15 Bwe nnali kye njije ntanule okwogera, Omwoyo Omutukuvu n'abagwako era nga bwe yasookera ku ffe.
- 16 Ne njjukira ekigambo kya Mukama waffe bwe yayogera nti Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo Mutukuvu.
- 17 Kale Katonda oba nga abawadde ekirabo ekyo nga ffe okwenkanankana, bwe twakiriza Mukama waffe Yesu Kristo, nze nnali ani eyandiyinzizza okuziyiza Katonda?
- 18 Bwe baawulira ebyo ne basirika, ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti Kale Katonda; awadde n'ab'amawanga okwenenya okutuuka ku bulamu.
- 19 N'abo abaasaasana mu kuyigganyizibwa okwaliwo ku Suteefano ne batambula okutuuka e Foyiniiki ne Kupulo ne Antiyokiya, ne batabuulira kigambo muntu mulala wabula Abayudaaya bokka.
- 20 Naye waaliwo abantu mu bo ab'e Kupulo n'ab'e Kuleene, abo bwe baatuuka mu Antiyokiya bo ne boogera n'Abayonaani, nga babuulira Mukama waffe Yesu.
- 21 N'omukono gwa Mukama waffe gwali nabo: ekibiina kinene eky'abakkiriza ne bakyukira Mukama waffe.
- 22 Ekigambo ekyo ne kiwulirwa okutuuka mu matu g'ekkanisa eyali mu Yerusaalemi; ne batuma Balunabba okutuuka mu Antiyokiya:
- 23 naye bwe yamala okutuuka n'alaba ekisa kya Katonda n'asanyuka, n'ababuulirira bonna nti Mumalirire mu mutima okwekwata ku Mukama waffe:
- 24 kubanga yali muntu mulungi, n'ajjula Omwoyo Omutukuvu n'okukkiriza. Ekibiina kinene ne kireetebwa eri Mukama waffe.
- 25 N'avaayo okugenda e Taluso okunoonya Sawulo:
- 26 bwe yamala okumulaba n'amuleeta mu Antiyokiya. Awo olwatuuka ne bamala mwaka mulamba nga bakuaana n'ekkanisa ne bayigiriza ekibiina kinene: abayigirizwa ne basooka okuyitibwa Abakristaayo mu Antiyokiya.
- 27 Mu nnaku ezo bannabbi ne bava e Yerusaalemi okutuuka Antiyoklya.
- 28 N'ayimirira omu ku bo, erinnya lye Agabo, n'abuulira ku bw'Omwoyo nti Waliba enjala nnyingi mu nsi zonna: nayo yabaawo ku mirembe gya Kulawudiyu.
- 29 Abayigirizwa, buli muntu nga bwe yalina ebintu, ne bateesa okuweereza ab'oluganda abaali batuula e Buyudaaya:
- 30 n'okukola ne bakola bwe batyo ne baweereza abakadde mu mukono gwa Balunabba ne Sawulo.

Essuula 12

- 1 Mu biro ebyo kabaka Kerode n'agolola emikono okukola obubi abamu ab'omu kkanisa.
- 2 N'atta n'ekitala Yakobo muganda wa Yokaana.
- 3 Awo bwe yalaba nga Abayudaaya bakisiimye, ne yeeyongera okukwata ne Peetero. Ze nnaku ez'emigaati egitazimbulukuswa.
- 4 Bwe yamala okumukwata, n'amussa mu kkomera, n'amuwaayo eri basserikale kkumi na mukaaga okumukuuma kinnabana, ng'ayagala okumutwala mu maaso g'abantu Okuyitako nga kuwedde.

- 5 Awo Peetero n'akuumirwa mu kkomera: naye ab'ekkanisa ne banyiiikiranga okumusabira eri Katonda.
- 6 Ku lunaku Kerode lwe yali ayagala okumutwalayo, mu kiro ekyo Peetero yali nga yeebase wakati w'abaserikale babiri, ng'asibiddwa n'enjegere bbiri, abakuumi baali ku luggi nga bakuuma ekkomera.
- 7 Laba, malayika wa Mukama n'ayimirira w'ali, okutangaala ne kujjula ekisenge, n'akuba Peetero mu mbiriizi n'amuzuukusa ng'agamba nti Yimuka mangu. Enjegere ne ziva ku mikono ne zigwa.
- 8 Malayika n'amugamba nti Weesibe, oyambale engatto zo. N'akola bw'atyo. N'amugamba nti Yambala ekyambalo kyo, ongoberere.
- 9 N'afulumu, n'amugoberera; so teyamanya nga bya mazima malayika by'akoze, naye yalowooza nti alabye kwolesebwa.
- 10 Bwe baayita ku bakuumi abaasookerwako n'ab'okubiri ne batuuka ku luggi olw'ekyuma oluyitibwako okutuuka mu kibuga: ne lubaggukirawo lwokka: ne bafulumu ne bayita mu kkubo limu; amangu ago malayika n'amuleka.
- 11 Peetero bwe yeddamu n'agamba nti Kaakano ntegedde mazima nga Mukama waffe atumye malayika n'anziya mu mukono gwa Kerode ne mu kusuubira kwonna okw'eggwanga ly'Abayudaaya.
- 12 Bwe yalowooza n'ajja mu nnyumba ya Malyamu eyali nnyina Yokaana erinnya lye ery'okubiri Makko, mwe baali bakuaanidde abangi nga basaba.
- 13 Peetero bwe yakonkona ku luggi olw'omu mulyango omuzaana n'ajja okuyitaba, erinnya lye Looda.
- 14 Bwe yategeera eddoozi lya Peetero n'ataggulawo luggi olw'essanyu, naye n'ayingira mbiro n'agamba nti Peetero ayimiridde ebweru ku luggi.
- 15 Ne bamugamha nti Olaluse. Naye n'akaliriza nti Weewaawo. Ne bagamba nti Ye malayika we.
- 16 Naye Peetero ne yeeyongerera okukonkona: awo bwe baggulawo ne bamulaba ne basamaalirira.
- 17 Naye bwe yabawenya n'omukono okusirika, n'ababuulira Mukama waffe bw'amugye mu kkomera. N'agamba nti Mubuulire ebyo Yakobo n'ab'oluganda. N'avaayo n'agenda mu kifo awalala.
- 18 Awo bwe bwakya enkya, basserikale ne beegugumula nnyo nti Peetero nno abadde ki?
- 19 Kerode bwe yamunoonya n'atamulaba n'abuuliriza abakuumi n'alagira okubatta. N'ava mu Buyudaaya okugenda e Kayisaliya n'atuula eyo.
- 20 N'asunguwalira nnyo ab'e Ttuulo n'ab'e Sidoni: ne bajja gy'ali n'omwoyo gumu; bwe baakwanagana ne Bulasito omukulu w'omu nnyumba ya kabaka, ne basaba okubawa emirembe, kubanga ensi yaabwe eriisibwa bya mu nsi ya kabaka.
- 21 Awo ku lunaku olwalagaanyizibwa Kerode n'ayambala ebyambalo eby'obwakabaka, n'atuula ku ntebe, n'abagamba ebigambo.
- 22 Abantu bonna ne boogerera waggulu nti Eryo ddoozzi lya katonda, si lya muntu.
- 23 Amangu ago malayika wa Mukama n'amukuba, kubanga tawadde Katonda kitiibwa: n'aliibwa envunyu, n'afa.
- 24 Naye ekigambo kya Katonda ne kikula ne kyeyongeranga.
- 25 Balunabba ne Sawulo ne bakomawo okuva e Yerusaalemi, bwe baamala okutuukiriza okuweereza kwabwe, ne baleeta Yokaana erinnya lye ery'okubiri Makko.

Essuula 13

- 1 Mu Antiyokiya mu kkanisa eyaliyo waaliwo bannabbi n'abayigiriza, Balunabba ne

Simyoni eyali ayitibwa Niga, ne Lukiyo ow'e Kuleene ne Manaeni eyayonsebwa awamu ne Kerode owessaza, ne Sawulo.

- 2 Nga baweereza Mukama waffe n'okusiiiba, Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti Munnondere Balunabba ne Sawulo bakole omulimu gwe mbayitidde.
- 3 Awo ne basiiba ne basaba ne babassaako emikono ne babatuma.
- 4 Awo abo bwe baatumibwa Omwoyo Omutukuvu ne baserengeta e Serukiya; ne bavaayo ne bawanika amatanga okutuuka e Kupulo.
- 5 Bwe baali mu Salamini ne babuulira ekigambo kya Katonda mu makuaanero g'Abayudaaya: ne babeera ne Yokaana okubaweereza.
- 6 Bwe baayita ku kizinga kyonna okutuuka e Pafo, ne balaba omuntu omulogo, nnabbi ow'obulimba, Omuyudaaya, erinnya lye Balisa;
- 7 eyali awamu n'owessaza Omuruumi Serugiyo Pawulo, omuntu ow'amagezi. Oyo n'ayita Balunabba ne Sawulo, n'ayagala okuwulira ekigambo kya Katonda.
- 8 Naye Eruma omulogo (kubanga erinnya lye bwe livvuunulwa) n'awakana nabo, ng'ayagala okukyanya owessaza mu kukkiriza.
- 9 Naye Sawulo, era ye Pawulo, bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu, bwe yamwekaliriza amaaso,
- 10 n'agamba nti Ggwe ajjudde obukuusa bwonna n'okukola obubi kwonna, omwana wa Setaani, omulabe w'obutuukirivu bwonna, tolireka kukyanya makubo ga Mukama waffe amagolokofu?
- 11 Kaakano, laba, omukono gwa Mukama waffe guli ku ggwe, onooba muzibe wa maaso nga tolaba njuba ebiro bingiko. Amangu ago ekifu ne kimugwako, n'enzikiza; n'awammanta n'anoonya abantu ab'okumukwata ku mukono.
- 12 Awo owessaza bwe yalaba bwe kibadde n'akkiriza nga yeewuunya nnyo okuyigiriza kwa Mukama waffe.
- 13 Awo Pawulo ne banne ne bawanika amatanga okuva mu Pafo, ne batuuka e Peruga eky'e Panfuliya: Yokaana n'abalekayo n'addayo e Yerusalemi.
- 14 Naye bo bwe baayita okuva mu Peruga, ne batuuka mu Antiyokiya eky'e Pisidiya, ne bayingira mu kkuggaanero ku lunaku lwa ssabbiiti ne batuula.
- 15 Bwe baamala okusoma amateeka n'ebya bannabbi, abakulu b'ekkuanaanero ne babatamira nga bagamba nti Abasajja ab'oluganda, oba mulina ekigambo eky'okubuulirira abantu, mwogere.
- 16 Pawulo n'ayimirira n'abawenya n'omukono n'agamba nti Abasajja Abaisiraeri, nammwe abatya Katonda, muwulire.
- 17 Katonda w'abantu bano Abaisiraeri yalonda bajjajjaffe, n'agulumiza abantu bwe baali abagenyi mu nsi y'e Misiri, n'abaggyayo n'omukono ogwagulumizibwa.
- 18 N'abagumiikiriza mu ddungu emyaka ng'amakumi ana.
- 19 Bwe yazikiriza amawanga omusanvu mu nsi ya Kanani, n'abawa ensi yaabwe okuba obutaka okutuusa emyaka ebikumi bina mu ataano.
- 20 Oluvannyuma lw'egyo n'abawa abalamuzi okutuuka ku nnabbi Samwiri.
- 21 Oluvannyuma ne baagala kabaka; Katonda n'abawa Sawulo omwana wa Kiisi wa mu kika kya Benyamini, n'amala emyaka amakumi ana.
- 22 Bwe yamugyaawo oyo, n'abayimiririza Dawudi okuba kabaka waabwe, gwe yayogerako ng'amutegeeza nti Ndabye Dawudi, omwana wa Yese, omuntu ali ng'omutima gwange bwe gwagala, anaakolanga bye njagala byonna.
- 23 Oyo mu zzadde lye nga Katonda bwe yasubiza, aleetedde Isiraeri Omulokozi Yesu,
- 24 Yokaana bwe yasooka okubuulira nga tannaba kujja okubatizibwa okw'okwenenya eri abantu bonna Abaisiraeri.
- 25 Naye Yokaana bwe yali anaatera okukomya olugendo lwe, n'agamba nti Mundowooza kuba ani? Nze siri ye. Naye laba, waliwo ajja ennyuma wange, gwe ssisaanira

kusumulula ngatto ya mu kigere kye.

- 26 Ab'oluganda, abaana b'ekika kya Ibulayimu, nammwe mwenna abatya Katonda, ekigambo eky'obulokozi buno kyaweerezebwa waffe.
- 27 Kubanga abatuula mu Yerusaalemi n'abakulu baabwe bwe bataamumanya oyo newakubadde amaloboozi ga bannabbi agasomebwa buli ssabbiiti, kyebaava babituukiriza bwe baamusalira omusango.
- 28 Bwe bataalaba nsonga ya kumutta, ne basaba Piraato okumutta.
- 29 Awo bwe baamala okutuukiriza byonna ebyamuwandiikwako ne bamuwanula ku muti ne bamuteeka mu ntaana.
- 30 Naye Katonda n'amuzuukiza mu bafu:
- 31 n'abalabikira ennaku nnyingi abaayambuka naye okuva e Ggaliraaya okutuuka e Yerusaalemi, be bajulirwa be kaakano eri abantu.
- 32 Ffe tubabuulira ebigambo ebirungi, eby'okusuubiza okwasuubizibwa bajjajja nti
- 33 Katonda akutuukirizza eri abaana baffe bwe yazuukiza Yesu; era nga bwe kyawandiikibwa mu Zabbuli ey'okubiri nti Ggwe mwana wange, nkuzadde leero.
- 34 Era kubanga yamuzuukiza mu bafu nga tagenda nate kuddayo mu kuvunda, yagamba bw'ati nti Ndibawa emikisa emitukuvu era egyenkalakkalira egya Dawudi.
- 35 Kubanga yayogera ne mu Zabbuli endala nti Toliwaayo Mutukuvu wo okuvunda.
- 36 Kubanga Dawudi bwe yamala okuweereza mu biro bye nga Katonda bwe yateesa, ne yeebaka n'ateekabwa eri bajjajjaabe, n'avunda:
- 37 naye oyo Katonda gwe yazuukiza teyavunda.
- 38 Kale, abasajja ab'oluganda, mutegeere nti ku bw'oyo okuggibwako ebibi kubuulid-dwa;
- 39 byonna bye mutandiyinzizza kuggibwako mu mateeka ga Musa, ku bw'oyo buli akkiriza abiggibwako.
- 40 Kale mwekuume kireme okujja ku mmwe ekyayogerwa bannabbi nti
- 41 Laba, mmwe abanyooma, mwewuunye, mubule; Kubanga nze nkola omulimu mu nnaku zammwe Omulimu gwe mutalikkiriza newakubadde omuntu ng'agubabuulidde nnyo.
- 42 Bwe baifuluma ne babeegayirira okubabuulira ebigambo bino ku ssabbiiti ey'okubiri.
- 43 Ekibiina bwe kyasaasaana bangi ku Bayudaaya n'abakyufu abeegendereza ne bagoberera Pawulo ne Balunabba: nabo ne boogera nabo ne babasendanga okunyiikirira mu kisa kya Katonda.
- 44 Awo ku ssabbiiti ey'okubiri ne bakuaana nga kibuga kyonna okuwulira ekigambo kya Katonda.
- 45 Naye Abayudaaya bwe baalaba ekibiina, ne bajjula obuggya, ne bawakanya ebyayogerwa Pawulo, nga babivuma.
- 46 Pawulo ne Balunabba ne boogera n'obuvumu nti Kyagwana okusooka okubuulirwa ekigambo kya Katonda mu mmwe. Kubanga mukisindiikiriza so temwiraba kusaanira bulamu obutaggwaawo, laba, tukyukira eri ab'amawanga.
- 47 Kubanga Mukama yatulagira bw'ati nti Nkuteeseewo okubanga omusana gw'amawanga, Obeerenga obulokozi okutuusa ku nkomerero y'ensi.
- 48 Ab'amawanga bwe baawulira ne basanyuka ne bagulumiza ekigambo kya Katonda: bonna ne bakkiriza abaali baterekeddwa obulamu obutaggwaawo.
- 49 Ekigambo kya Mukama waffe ne kibuna mu nsi eri yonna.
- 50 Naye Abayudaaya ne babaweerera abakyala abeegendereza ab'ekitiibwa, n'abakulu ab'omu kibuga, ne bayigganyisa Pawulo ne Balunabba, ne babagoba mu mbibi zaabwe.
- 51 Naye ne babakunkumulira enfuufu ey'omu bigere ne bajja okutuuka Ikoniyo.
- 52 Abayigirizwa ne bajjula essanyu n'Omwoyo Omutukuvu.

Essuula 14

- 1 Awo olwatuuka mu Ikonio ne bayingirira wamu mu kkuaaniro ly'Abayudaaya, ne boogera bwe batyo ekibiina kinene n'okukkiriza ne bakkiriza, Abayudaaya n'Abayon-aani.
- 2 Naye Abayudaaya abataagonda ne baweerera ab'amawanga ne bafuula emmeeme zaabwe okuba embi eri ab'oluganda.
- 3 Awo ne bamala ebiro bingi nga babuulira n'obuvumu mu Mukama waffe, eyategeeza ekigambo eky'ekisa kye, ng'abawa obubonero n'eby'amagero okukolebwanga mu mikono gyabwe.
- 4 Naye ekibiina eky'omu kibuga ne kyawukanamu; abamu ne babeera ku ludda lw'Abayudaaya abamu ku ludda lw'abatume.
- 5 Ab'amawanga n'Abayudaaya awamu n'abakulu baabwe bwe baabalumba okubagirira ekyejo, okubakuba amayinja,
- 6 bwe baategeera ne baddukira mu bibuga eby'e Lukaoniya, Lusitula ne Derube n'ensi eriraanyeewo:
- 7 ne babeera eyo nga babuulira enjiri.
- 8 Mu Lusitula yaliyo omuntu nga talina maanyi mu bigere n'abeeranga awo, mulema okuva mu lubuto lwa nnyina nga tatambulanga n'akatono.
- 9 Oyo n'awulira Pawulo ng'ayogera: naye n'amwekaliriza amaaso n'alaba ng'alina okukkiriza okulokoka,
- 10 n'ayogera n'eddoboozi ddene nti Yimirira ku bigere byo, weegolole. N'abuuka n'atambula.
- 11 Ebibiina bwe baalaba Pawulo ky'akoze, ne bayimusa amaloboozi gaabwe, nga boogera mu lulimi Olulukaoniya nti Bakatonda basse gye tuli nga bafaanana abantu.
- 12 Balunabba ne bamuyita Zewu; ne Pawulo ne bamuyita Kerume, kubanga ye yasinga okwogera.
- 13 Kabona wa Zewu, eyali mu maaso g'ekibuga, n'aleeta ente n'engule ez'ebimuli okutuuka ku luggi ng'ayagala okuwaayo ssaddaaka n'ebibiina.
- 14 Naye abatume Balunabba ne Pawulo bwe baawulira, ne bayuza engoye zaabwe ne bafubutuka ne bagenda mu kibiina, nga boogerera waggulu
- 15 nga bagamba nti Abasajja, kiki ekibakoza ebyo? Naffe tuli bantu abakwatibwa byonna nga mmwe, era tubabuulira ebigambo ebirungi muleke ebyo ebitaliimu mukyukire Katonda omulamu, eyakola eggulu n'ensi n'ennyanja n'ebintu byonna ebirimu:
- 16 mu mirembe egyayita yaleka amawanga gonna okutambuliranga mu makubo gaago:
- 17 naye teyeemalaayo nga talina mujulirwa, kubanga yakolanga bulungi, ng'abatonyesezanga enkuba okuva mu ggulu n'ebiro eby'okubalirangamu emmere, ng'ajuzanga emitima gyammwe emmere n'essanyu.
- 18 Bwe baayogera ebyo, ne baziya ebibiina lwa mpaka okubawa ssaddaaka.
- 19 Naye Abayudaaya ne bava mu Antiyokiya ne Ikonio, ne baweerera ebibiina ne bakuba amayinja Pawulo, ne bamuwalulira ebweru w'ekibuga, nga balowooza nti afudde.
- 20 Naye abayigirizwa bwe baamwetoolola n'ayimirira n'ayingira mu kibuga: ku lunaku olw'okubiri n'agenda ne Balunabba okutuuka e Derube.
- 21 Bwe baamala okubuulira enjiri mu kibuga ekyo n'okufuula abayigirizwa abangi, ne bakomawo mu Lusitula ne Ikonio ne Antiyokiya,
- 22 nga banyweza emmeeme z'abayigirizwa, nga bababuulirira okunyiikiriranga mu kukkiriza, era nti olw'okulaba ennaku ennyingi kitugwanidde okuyingira mu bwak-abaka bwa Katonda.
- 23 Bwe baamala okulondera abakadde mu buli kkanisa n'okusaba n'okusiiba, ne babasigira Mukama waffe gwe bakkiriza.

- 24 Ne bayita mu Pisidiya ne batuuka e Panfuliya.
- 25 Bwe baamala okubuulira ekigambo mu Peruga ne baserengeta mu Ataliya;
- 26 ne bavaayo ne bawanika amatanga okutuuka e Antiyokiya; abaayo be baabasigira ekisa kya Katonda olw'omulimu gwe baatuukiriza.
- 27 Bwe baatuuka ne bakuaanya ekkansa, ne bababuulira byonna Katonda bye yakoleranga awamu nabo, era nti yaggulirawo ab'amawanga oluggi olw'okukkiriza.
- 28 Ne bamalayo ebiro bingi wamu n'abayigirizwa.

Essuula 15

- 1 Awo abantu ne bava e Buyudaaya ne bayigiriza ab'oluganda nti Bwe mutaakomolebwenga ng'empisa ya Musa bw'eri, temuyinza kulokoka.
- 2 Bwe waali empaka ennyingi n'okwawukana kw'endowooza wakati wa Pawulo ne Balunabba, ku luuyi olumu, n'abo abaava e Buyudaaya, ne balagira Pawulo ne Balunabba n'abalala ku bo okugenda e Yerusaalemi eri abatume n'abakadde olw'empaka ezo.
- 3 Awo abo bwe baamala okusibirirwa ab'ekkanisa ne bayita mu Foyiniiki ne Samaliya, nga bannyonyolera ddala okukyuka kw'ab'amawanga: ne basanyusiza ddala ab'oluganda bonna.
- 4 Bwe baatuuka e Yerusaalemi, ab'ekkanisa n'abatume n'abakadde ne babasembeza, ne babuulira byonna Katonda bye yakoleranga awamu nabo.
- 5 Naye ne bagolokoka abamu ab'omu kitundu ky'Abafalisaayo abakkiriza, nga bagamba nti Kigwana okubakomolanga n'okubalagira okukwatanga amateeka ga Musa.
- 6 Abatume n'abakadde ne bakuaana okwetegereza ekigambo ekyo.
- 7 Bwe waali okwawukana kw'endowooza kungi, Peetero n'ayimirira n'abagamba nti Abasajja ab'oluganda, mmwe mumanyi nti okuva mu nnaku ez'edda Katonda yalonda mu mmwe ab'amawanga bawulire mu kamwa kange ekigambo eky'enjiri ne bakkiriza.
- 8 Ne Katonda amanyi emitima n'abategeeza bwe yabawa Omwoyo Omutukuvu era nga ffe;
- 9 n'atayawula ffe nabo, bwe yalongoosa emitima gyabwe olw'okukkiriza.
- 10 Kale kaakano mukemera ki Katonda, okuteeka ekikoligo mu bulago bw'abayigirizwa bajjajaffe kye bataayinza kutwala newakubadde ffe?
- 11 Naye tukkiriza okulokolebwa lwa kisa kya Mukama waffe Yesu, era nabo bwe batyo.
- 12 Ekibiina kyonna ne kisirika; ne bawulira Balunabba ne Pawulo nga bannyonyola obubonero n'eby'amagero byonna Katonda bye yabakozanga mu mawanga.
- 13 Abo bwe baamala okusirika Yakobo n'addamu ng'agamba nti Abasajja ab'oluganda, mumpulire.
- 14 Simyoni annyonyodde Katonda bwe yasooka okutunuulira amawanga okuggiramu erinnya lye abantu.
- 15 Ebigambo bya bannabbi bitabagana n'ebyo nga bwe kyawandiikibwa nti
- 16 Oluvannyuma lw'ebyo ndikyuka, Ndizimba nate eweema ya Dawudi eyagwa; Okumenyeka kwayo ndikuzimba nate, Era ndigigolokosa:
- 17 Abantu abasigalawo banoonye Mukama, N'amawanga gonna abayitibwa erinnya lyange ku bo,
- 18 Bw'ayogera Mukama, ateggeeza ebyo byonna okuva ku lubereberye lw'ensi.
- 19 Kyenya nsalawo tuleme okuteganya abava mu mawanga okukyukira Katonda;
- 20 naye tubawandiikire beewalenga obugwagwa bw'ebifaananyi, n'obwenzi, n'ebitugid-dwa, n'omusaayi.
- 21 Kubanga okuva edda Musa alina mu buli kibuga abamubuulira, ng'asomebwa mu

makuaaniro buli ssabbiiti.

- 22 Awo ne bakisiima abatume n'abakadde wamu n'ekkanisa yonna okulonda abantu mu bo n'okubatuma e Antiyokiya ne Pawulo ne Balunabba; Yuda ayitibwa Balusaba ne Siira, abantu abakulu mu b'oluganda:
- 23 ne bawandiika ne bagikwasa mu mikono gyabwe nti Abatume n'ab'oluganda abakadde tulamuzizza ab'oluganda abali mu Antiyokiya ne Busuuli ne Kirukiya abali mu mawanga:
- 24 kubanga tuwulidde nti abantu abaava ewaffe baabasasamaza n'ebigambo nga bakyusa emmeeme zammwe, be tatalagiranga;
- 25 tusiimye, bwe tutabaganye n'omwoyo gumu, okulonda abantu okubatuma gye muli wamu n'abaagalwa baffe Balunabba ne Pawulo,
- 26 abantu abaasingawo obulamu bwabwe olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.
- 27 Kyetuvudde tutuma Yuda ne Siira era abalibabuulira obumu bennyini n'akamwa.
- 28 Kubanga Omwoyo Omutukuvu yasiima naffe tuleme okubatikka omugugu omunene gwonna wabula bino ebigwana,
- 29 okwewalanga ebiweebwa eri ebifaananyi, n'omusaayi, n'ebitugiddwa, n'obwenzi: bwe muneekuuma ebyo, munaabanga bulungi. Mweraba.
- 30 Awo bo bwe baasindikibwa ne bajja e Antiyokiya, ne bakuaanya ekibiina ne babakwasa ebbaluwa.
- 31 Bwe baasoma ne basanyuka olw'okubuulirirwa okwo.
- 32 Yuda ne Siira, kubanga nabo baali bannabbi, ne babuulirira ab'oluganda mu bigambo bingi, ne babagumya.
- 33 Bwe baamalayo ebiro, ne basiibulwa ab'oluganda n'emirembe okuddayo eri abaabatuma.
- 34 Naye Siira yasiima okusigalayo.
- 35 Naye Pawulo ne Balunabba ne balwayo mu Antiyokiya nga bayigirizanga era nga babuuliranga ekigambo kya Mukama waffe wamu n'abalala bangi era.
- 36 Ennaku bwe zaayitawo Pawulo n'agamba Balunabba nti Kale tuddeyo tulambule ab'oluganda mu buli kibuga gye twabuulira ekigambo kya Mukama waffe, tulabe nga bwe bali.
- 37 Balunabba era n'ayagala okutwala Yokaana erinnya lye ery'okubiri Makko:
- 38 naye Pawulo teyasiima kumutwala oyo eyabaleka mu Panfuliya n'atagenda nabo ku mulimu.
- 39 Ne wabaawo empaka nnyingi n'okwawukana ne baawukana, Balunabba n'atwala Makko n'awanika amatanga okugenda e Kupulo;
- 40 naye Pawulo n'alonda Siira, n'avaayo, ab'oluganda bwe baamusigira ekisa kya Mukama waffe.
- 41 N'ayita mu Busuuli ne Kirukiya ng'agumya ekkana.

Essuula 16

- 1 Era n'atuuka e Derube ne Lusitula: laba, yaliyo omuyigirizwa erinnya lye Timoseewo, omwana w'omukazi Omuyudaaya eyakkiriza: naye kitaawe Muyonaani;
- 2 eyasiimibwa ab'oluganda abaali mu Lusitula ne Ikonio.
- 3 Oyo Pawulo n'ayagala okugenda naye; n'amutwala n'amukomola olw'Abayudaaya abaali mu bifo ebyo: kubanga bonna baamumanya nga kitaawe yali Muyonaani.
- 4 Bwe baali nga bayita mu kibuga ne babawa okukwatanga ebyalagirwa abatume n'abakadde abaali mu Yerusalemi.
- 5 Awo ekkana ne zinywerera mu kukkiriza, ne zeeyongeranga ku muwendo buli lunaku.

- 6 Ne bayita mu nsi y'e Fulugiya ne Ggalatiya, kubanga baagaanibwa Omwoyo Omutukuvu okwogera ekigambo mu Asiya;
- 7 bwe baatuuka okumpi ne Musiya, ne bagezaako okugenda mu Bisuniya, n'Omwoyo gwa Yesu n'atabaganya;
- 8 ne beekooloobya Musiya, ne batuuka e Tulowa.
- 9 Pawulo n'alaba okwolesebwa ekiro, omuntu Omumakedoni ng'ayimiridde era ng'amwegayirira ng'agamba nti Wunguka okutuuka e Makedoni otuyambe.
- 10 Bwe yamala okulaba okwolesebwa, amangu ago ne tusala amagezi okusitula okugenda e Makedoni, nga tutegeera nti Katonda atuyise okubabuulira enjiri.
- 11 Kyetwava tusaabala okuva e Tulowa ne tukwata ekkubo eggolokofu okutuuka e Samoserakiya, ku lunaku olw'okubiri ne tutuuka e Neyapoli;
- 12 ne tuvaayo okutuuka e Firipi, kye kibuga eky'e Makedoni ekisookerwako mu njuyi ezo, ekyazimbibwa Abaruumi: ne tubeera mu kibuga omwo ne tulwamu ennaku.
- 13 Awo ku lunaku lwa ssabiiti ne tufuluma mu mulyango gw'ekibuga okugenda ku mugga bwe twalwoowa nga yaliyo ekifo eky'okusabirangamu: ne tutuula ne twogera n'abakazi abaakuaana.
- 14 Awo omukazi erinnya lye Ludiya, omutunzi w'engoye ez'effulungu, wa mu kibuga Suwatira, eyasinzanga Katonda, n'atuwulira: Mukama waffe n'amubikkula omutima gwe okuwuliriza Pawulo bye yayogera.
- 15 Bwe yabatizibwa ye n'ennyumba ye, n'atwegayirira ng'agamba nti Oba nga munsimye okuba omwesigwa eri Mukama waffe, muyingire mu nnyumba yange mubeere omwo. N'atuwaliriza.
- 16 Awo olwatuuka bwe twali tugenda wali awaasabirwanga, omuwala eyaliko dayimooni alagula n'atusanga, eyafuniranga bakama be ebintu ebingi olw'okulagula.
- 17 Oyo bwe yagoberera Pawulo naffe n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Abantu bano baddu ba Katonda Ali waggulu ennyo, abababuulira ekkubo ery'obulokozi.
- 18 N'akolanga bw'atyo ennaku nnyingi. Naye Pawulo, bwe yanakuwala ennyo, n'akyuka n'agamba dayimooni nti Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo omuveeko. N'amuvaako mu kiseera ekyo.
- 19 Naye bakama be bwe baalaba ng'essubi ly'ebintu byabwe liwedde, ne bakwata Pawulo ne Siira ne babawalula okubatwala mu katale eri abakulu,
- 20 ne babatwala eri abalamuzi ne bagamba nti Abantu bano basasamaza nnyo ekibuga kyaffe, kubanga Bayudaaya
- 21 era bayigiriza empisa ez'omuzizo ffe okuzikwatanga newakubadde okuzikolanga kubanga tuli Baruumi.
- 22 Ekibiina ne kibagolokokerako wamu: abalamuzi ne babayuliza engoye zaabwe, ne balagira okubakuba emiggo.
- 23 Bwe baabakuba emiggo emingi ne babasindikira mu kkomera, ne balagira omukuumi okubakuuma ennyo:
- 24 oyo bwe yalagirwa bw'atyo n'abasindiikiriza mu kkomera ery'omunda, n'akomerera ebigere byabwe mu nvuba.
- 25 Naye ekiro mu ttumbi Pawulo ne Siira ne basaba ne bayimbira Katonda, abasibe ne babawulira;
- 26 amangu ago ne wabaawo ekikankano kinene n'emisingi gy'ekkomera ne gikankana: amangu ago enzigi zonna ne zigguka; n'ebyali bibasibye bonna ne bisumulukuka.
- 27 Omukuumi w'ekkomera n'azuukuka, bwe yalaba enzigi z'ekkomera nga zigguse n'asowola ekitala kye n'agenda okwetta, kubanga ng'alowooza nti abasibe babombye.
- 28 Naye Pawulo n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene ng'agamba nti Teweeekola kabi: kubanga fenna tuli wano.
- 29 N'asaba ettabaaza n'addukana n'ayingira, n'avuunamira Pawulo ne Siira,

ng' akankana,

- 30 N' abafulumya ebweru n' agamba nti Bassebo, kiwanidde kukola ntya okulokolebwa?
- 31 Ne bagamba nti Kkiriza Mukama waffe Yesu, onoolokoka ggwe n' ennyumba yo.
- 32 Ne bamubuulira ekigambo kya Mukama waffe ne bonna abaali mu nnyumba ye.
- 33 N' abatwala mu kiseera ekyo ekiro n' abanaaza emiggo; n' abatizibwa ye n' ennyumba ye yonna amangu ago.
- 34 N' abalinnyisa mu nnyumba ye, n' abaleetera emmeeza, n' asanyuka nnyo n' ennyumba ye yonna ng' akkirizza Katonda.
- 35 Naye bwe bwakya enkya, abalamuzi ne batuma basserikale baabwe nga bagamba nti Musumulule abantu abo.
- 36 Omukuumi w' ekkomera n' abuulira Pawulo ebigambo ebyo nti Abalamuzi batumye okubasumulula: kale kaakano mufulume, mugende n' emirembe.
- 37 Naye Pawulo n' abagamba nti Batukubidde mu maaso ga bantu nga tetunnasaliirwa musango, nga tuli Bantu Baruumi ne batusindiikiriza mu kkomera; ne kaakano batugyamu kyama? Nedda; naye bajje bennyini batufulumye.
- 38 Basserikale ne babuulira abalamuzi ebigambo bino: ne batya bwe baawulira nga Baruumi:
- 39 ne bajja ne babeegayirira, ne babafulumya, ne baagala bave mu kibuga.
- 40 Ne bafuluma mu kkomera, ne bayingira mu nnyumba ya Ludiya, ne balaba ab' oluganda ne babasanyusa ne bavaayo.

Essuula 17

- 1 Ne Bayita mu Anfipoli ne Apolooniya ne batuuka e Ssessaloniika eyali ekkuaaniro ly' Abayudaaya:
- 2 awo Pawulo nga bwe yali empisa ye n' ayingira mu bo, mu ssabbiiti ssatu n' awakana nabo mu byawandiikibwa,
- 3 ng' abikkula ng' ategeeza nti Kristo kyamugwanira okubonyaabonyezebwa n' okuzuukira mu bafu; era nti Oyo Yesu nze gwe mbabuulira ye Kristo.
- 4 Abamu ku bo ne bakkiriza ne beegatta ne Pawulo ne Siira; n' Abayonaani abeengendereza ekibiina kinene n' abakyala abakulu si batono.
- 5 Naye Abayudaaya bwe baakwatibwa obuggya ne batwala abantu ababi ab' omu bakopi ne bakuaanyisa abantu ne basasamaza ekibuga. Ne bazingiza ennyumba ya Yasooni ne baagala okubaleeta mu maaso g' abantu.
- 6 Bwe bataabalaba, ne bawalula Yasooni n' ab' oluganda abamu okubatwala mu maaso g' abakulu ab' omu kibuga nga boogerera waggulu nti Bano abavuunika ensi bazze ne wano;
- 7 ne Yasooni yabasembezezza. Bano bonna bajeemera amateeka ga Kayisaali nga bagamba nti Waliwo kabaka omulala, Yesu.
- 8 Ne basasamaza ekibiina n' abakulu ab' omu kibuga bwe baawulira ebyo.
- 9 Bwe baamala okweyimiriza Yasooni n' abalala, ne babata.
- 10 Amangu ago ab' oluganda ne basindika ekiro Pawulo ne Siira okugenda e Beroya: nabo bwe baatuuka eyo ne bayingira mu kkuaaniro ly' Abayudaaya.
- 11 Naye bano baali balungi okusinga ab' e Ssessaloniika, kubanga bakkiriza ekigambo n' omwoyo omwangu ennyo, buli lunaku nga banoonya mu byawandiikibwa oba nga ebyo bwe biri bwe bityo.
- 12 Abamu bangi kyebaava bakkiriza, era n' abakazi abakyala Abayonaani n' abasajja si batono.
- 13 Naye Abayudaaya ab' e Ssessaloniika bwe baategeera ng' ekigambo kya Katonda kibuuliddwa Pawulo era mu Beroya, era ne bajjaye ne baweerera ebibiina ne

babasasamaza.

- 14 Awo amangu ago ab'oluganda ne basindika Pawulo okugenda okutuuka ku nnyanja: Siira ne Timoseewo ne babeera eyo.
- 15 Naye abaawerekera Pawulo ne bamuleeta mu Asene, ne balagirwa okugamba Siira ne Timoseewo bajje gy'ali amangu nga bwe bayinza, ne bagenda.
- 16 Naye Pawulo bwe yali mu Asene ng'abalindirira, omwoyo gwe ne gumuluma bwe yalaba ekibuga nga kijjudde ebifaananyi.
- 17 Awo n'awakaniranga mu kkuaanira n'Abayudaaya n'abaali batya Katonda era ne mu katale buli lunaku n'abo abaamuisinkana.
- 18 Awo abantu abamu abafirosofo, aba Epikuliyo ne Abasutoyiiko, ne bamuisinkana. Abamu ne bagamba nti Ayagala kwogera ki abujjabujjana ono? Abamu ne bagamba nti Afaanana ng'abuulira balubaale abaggya: kubanga yali ng'abuulira Yesu n'okuzuukira.
- 19 Ne bamutwala ne bamuleeta ku Aleyopaago nga bagamba nti Tunaayinza okutegeera okuyigiriza kuno okuggya kw'oyogera nga bwe kuli?
- 20 Kubanga oleeta ebigambo ebiggya mu matu gaffe: kyetuva twagala okutegeera amakulu g'ebigambo bino.
- 21 (Abaasene bonna n'abagenyi abaabangayo tebaakolanga kintu kirala wabula okwogeranga oba okuwuliranga ekigambo ekiggya.)
- 22 Pawulo n'ayimirira wakati wa Aleyopaago n'agamba nti Abasajja Abaasene, mbalabye mu byonna nga mutya nnyo balubaale.
- 23 Kubanga bwe mbadde mpita ne ntunuulira bye musinza, era ne nsanga ekyoto ekiwandiiikiddwako nti KYA KATONDA ATATEGEERWA. Kale kye musinza nga temukitegeera nze kye mbabuulira.
- 24 Katonda eyakola ensi n'ebirimu byonna, oyo kubanga ye Mukama w'eggulu n'ensi tabeera mu masabo agakolebwa n'emikono,
- 25 so taweerezebwa mikono gya bantu, ng'eyeetaaga ekintu, kubanga oyo ye abawa bonna obulamu n'okussa omukka ne byonna;
- 26 yakola okuva ku omu buli ggwanga ly'abantu okutuulanga ku nsi enjuyi zonna, bwe yalagira n'ayawulamu ebiro n'ensalo ez'okutuula kwabwe:
- 27 banoonyenga Katonda mpozzi bawammante okumulaba, newakubadde nga tali wala wa buli omu ku ffe:
- 28 kubanga mu oyo tuba balamu, tutambula, tubeerawo; era ng'abamu ab'ewammwe abayiiya bwe bagamba nti Kubanga era tuli zzadde lye.
- 29 Kale bwe tuli ezzadde lya Katonda, tekitugwanira kulowoozanga nti Katonda afaanana zaabu oba ffeeza oba jjinja, ebyolebwa n'obukabakaba n'amagezi g'abantu.
- 30 Kale Katonda ebiro ebyo eby'obutamanya teyabitunuuliranga; naye kaakano alagira abantu bonna abali wonna wonna okwenenya,
- 31 kubanga yateekawo olunaku lw'agenda okusaliramu omusango ogw'ensonga ensi zonna mu muntu gwe yayawulamu, bwe yamala okuwa bonna ekikkirizisa bwe yamuzuukiza mu bafu.
- 32 Naye bwe baawulira okuzuukira kw'abafu abamu ne baoola; abalala ne bagamba nti Era tulikuwulira nate olw'ekigambo ekyo.
- 33 Bwe batyo Pawulo n'abavaamu wakati.
- 34 Naye abasajja abamu ne beegatta naye ne bakkiriza: mu abo Diyonusiyo Omwaleyopaago, n'omukazi erinnya lye Damali, n'abalala wamu nabo.

Essuula 18

- 1 Awo oluvannyuma lw'ebyo n'ava mu Asene n'atuuka e Kkolinso.

- 2 N'alaba omuntu Omuyudaaya erinnya lye Akula, eyazaalirwa mu Ponto, yali kyajje ave mu Italiya, ne mukazi we Pulisikira, kubanga Kulwawudiyo yali alagidde Abayudaaya bonna okuva mu Ruumi: n'ajja gye baali;
- 3 era kubanga baalina omulimu gumu n'abeeranga nabo ne bakolanga omulimu; kubanga omulimu gwabwe baali bakozi ba weema.
- 4 N'awakaniranga mu kkuaaniro buli ssabbiiti, n'asendasendanga Abayudaaya n'Abayonaani.
- 5 Naye Siira ne Timoseewo bwe baava e Makedoni, Pawulo n'awalirizibwa ekigambo, ng'ategeeza Abayudaaya nga Yesu ye Kristo.
- 6 Bwe baamutangira ne bamuvuma, n'akunkumula engoye ze n'abagamba nti Omusaayi gwammwe gubeere ku mitwe gyammwe: nze ndi mulongoofu: okutanula kaakano nnaagenda eri ab'amawanga.
- 7 N'avaayo, n'ayingira mu nnyumba y'omuntu erinnya lye Tito Yusito, atya Katonda, ennyumba ye eriraanye ekkuaaniro.
- 8 Era Kulisupo, omukulu w'ekkuaaniro, n'akkiriza Mukama waffe n'ennyumba ye yonna; n'Abakkolinso bangi bwe baawulira ne bakkiriza ne babatizibwa.
- 9 Mukama waffe n'agamba Pawulo ekiro mu kwolesebwa nti Totya naye yogeranga, tosirikanga,
- 10 kubanga nze ndi wamu naawe; so tewali muntu anaakulumbanga okukukola obubi: kubanga nnina abantu bangi mu kibuga muno.
- 11 N'amalayo mwaka n'emyezi mukaaga ng'ayigirizanga ekigambo kya Katonda mu bo.
- 12 Naye Galiyo bwe yali nga ye wessaza ly'e Akaya, Abayudaaya ne balumba Pawulo n'omwoyo gumu ne bamuleeta awasalirwa emisango,
- 13 nga bagamba nti Ono asendasenda abantu okusinza Katonda ng'amateeka bwe gatalagira.
- 14 Naye Pawulo bwe yali agenda okwasama akamwa ke, Galiyo n'agamba Abayudaaya nti Singa wabaddewo okusobya oba kwonoona okubi, mmwe Abayudaaya, nandibagumiikirizza:
- 15 naye oba nga waliwo okubuuzagana okw'ebigambo: n'amannya n'amateeka agali mu mmwe, ekyo kyammwe: nze saagala kusala musango gw'ebyo.
- 16 N'abagoba awasalirwa emisango.
- 17 Bonna ne bakwata Sossene omukulu w'ekkuaaniro ne bamukubira awasalirwa emisango. Era Galiyo teyafaayo mu bigambo ebyo.
- 18 Pawulo n'amalayo ennaku nnyingi endala nate, n'asiibula ab'oluganda n'avaayo n'awanika amatanga okugenda e Busuuli, era wamu naye Pulisikira ne Akula; bwe yamala okumwera enviiri mu Kekereya; kubanga yeerayirira.
- 19 Ne batuuka mu Efeso, bali n'abaleka eyo; naye ye yennyini n'ayingira mu kkuaaniro n'awakana n'Abayudaaya.
- 20 Bwe baamwagala okweyongera okutuula n'atakkiriza;
- 21 naye n'abasiibula n'agamba nti Ndikomawo nate gye muli Katonda ng'ayagadde, n'awanika amatanga n'avaayo mu Efeso.
- 22 N'agoba e Kayisaliya, n'alinnya n'alamusa ab'ekkanisa, n'aserengeta okutuuka Antiyokiya.
- 23 Bwe yamalayo ebiro si bingi n'avaayo, n'ayitira mu nsi y'e Ggalatiya n'e Fulugiya, ng'ava kumu, ng'agumya abayigirizwa bonna.
- 24 Awo omuntu Omuyudaaya erinnya lye Apolo eyazaalirwa mu Alegezandereya, omuntu eyayigirizibwa, oyo n'atuuka mu Efeso, eyali omugezi mu byawandiikibwa.
- 25 Oyo yali ng'abuuliddwa ekkubo lya Mukama waffe, ng'ayaka mu mwoyo n'ayogera n'ayigiriza nnyo ebigambo bya Yesu, ng'amanyi okubatiza kwa Yokaana kwokka:
- 26 oyo n'atanula okwogera n'obugumu mu kkuaaniro. Naye Pulisikira ne Akula bwe

baawulira ne bamutwala gye bali, ne bongera okumutegeereza ddala ekkubo lya Katonda.

- 27 Bwe yayagala okuwunguka okutuuka Akaya, ab'oluganda ne bamugumya ne bawandiikira abayigirizwa okumusembeza: bwe yatuuka n'abayambanga nnyo abakiriza olw'ekisa:
- 28 kubanga yasinganga Abayudaaya amaanyi amangi mu maaso g'abantu, ng'ategeezanga mu byawandiikibwa nga Yesu ye Kristo.

Essuula 19

- 1 Awo olwatuuka Apolo bwe yali e Kkolinso, Pawulo bwe yayitira mu njuyi eziri waggulu n'atuuka mu Efeso n'asanga abayigirizwa abamu:
- 2 n'abagamba nti Mwaweebwa Omwoyo Omutukuvu bwe mwakkiriza? Ne bamugamba nti Nedda, n'okuwulira tetuwuliranga nti waliwo Omwoyo Omutukuvu.
- 3 N'agamba nti Kale mwabatizibwa kuyingira mu ki? Ne bagamba nti Mu kubatizibwa kwa Yokaana.
- 4 Pawulo n'ayogera nti Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya, ng'agamba abantu bakkirize agenda okujja ennyuma we, ye Yesu.
- 5 Bwe baawulira ne babatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu.
- 6 Pawulo bwe yabassaako emikono, Omwoyo Omutukuvu n'ajja ku bo, ne boogera ennimi ne balagula.
- 7 Abantu bonna baali nga kkumi na babiri.
- 8 N'ayingira mu kkuaaniro n'ayogeranga n'obuvumu okumala emyezi esatu, ng'awakananga era ng'asendasendanga olw'ebigambo eby'obwakabaka bwa Katonda.
- 9 Naye abamu bwe baakakanyala ne batawulira, nga bavumanga Ekkubo mu maaso g'ekibiina, n'ava gye baali, n'ayawula abayigirizwa, ng'awakaniranga buli lunaku mu ssomero lya Tulaano.
- 10 Ebyo ne bimala emyaka ebiri, ne bonna abaali batuula mu Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama waffe, Abayudaaya n'Abayonaani.
- 11 Katonda n'akolanga eby'amagero ebitalabwa buli lunaku mu mikono gya Pawulo,
- 12 n'abalwadde ne baleeterwanga ebirembe n'engoye ez'oku mubiri gwe, endwadde ne zibavangako, dayimooni n'abavangako.
- 13 Naye era abantu Abayudaaya abataliiko waabwe, abagoba dayimooni, ne beetulinkirira okwogera erinnya lya Mukama waffe Yesu ku abo abalina dayimooni, nga bagamba nti Mbalayiza Yesu Pawulo gw'abuulira.
- 14 Awo waaliwo abaana musanvu aba Sukewa Omuyudaaya kabona omukulu, abaakola bwe batyo.
- 15 Dayimooni n'addamu n'abagamba nti Yesu mmutegeera ne Pawulo mmumanyi; naye mmwe be ani?
- 16 Omuntu eyaliko dayimooni n'ababuukira n'abasinga bonna n'abayinza, n'okudduka ne badduka okuva mu nnyumba eri nga bali bwereere nga balina ebiwundu.
- 17 Ekyo ne kitegeerwa bonna Abayudaaya n'Abayonaani abaatuulanga mu Efeso; entiisa n'ebakwata bonna, erinnya lya Mukama waffe Yesu ne ligulumizibwa.
- 18 Era bangi ku bo abakkiriza ne bajja, ne baatula ne bategeeza ebikolwa byabwe.
- 19 Era bangi ku bo abaakolanga eby'obufumu ne bakuaanya ebitabo byabwe, ne babyokera mu maaso gaabwe bonna: ne babala omuwendo gwabyo ne balaba ebitundu bya ffeeza obukumi butaano.
- 20 Bwe kityo ekigambo kya Mukama waffe ne kyeyongeranga mu maanyi ne kiwangula.
- 21 Ebyo bwe byaggwa, Pawulo n'alwooza mu mwoyo okuyitira mu Makedoni ne

Akaya, n'okugenda e Yerusaalemi, ng'agamba nti Bwe ndimala okubeera eyo, era kiwanidde okulaba ne Ruumi.

- 22 N'atuma e Makedoni babiri ku abo abaamuweerezanga, Timoseewo ne Erasuto, ye yennyini n'alwayo ebiro si bingi mu Asiya.
- 23 Mu kiseera ekyo ne wabaawo akacwano si katono olw'Ekkubo.
- 24 Kubanga omuntu erinnya lye Demeteriyo, omuweesi wa ffeeza eyakolanga obusabo obwa ffeeza obwa Atemi n'afuniranga abaweesi amagoba si matono;
- 25 n'akuaanya abo n'abaakolanga emirimu egyo, n'agamba nti Abasajja, mumanyi nti omulimu ogwo obugagga bwaffe mwe buva;
- 26 mulaba era muwulira nga si mu Efeso mwokka naye nga mu Asiya yonna Pawulo oyo asenzenze era akyusizza ekibiina kinene, ng'agamba nti Abakolebwa n'emikono si bakatonda.
- 27 Naye si ffe fekka tulabye akabi omulimu gwaffe okunyoomebwanga, era naye n'essabo lya Atemi katonda omukulu omukazi okulowoozebwanaga nga si kintu, n'oyo n'okuggibwa n'aggibwa mu kitiibwa kye, asinzibwa Asiya yonna n'ensi zonna.
- 28 Bwe baawulira ne bajjula obusungu ne boogerera waggulu nga bagamba nti Atemi w'Abaefeso mukulu.
- 29 Ekibuga kyonna ne kijjula okwetabula kuno; ne bafubutuka n'omwoyo gumu okutuuka mu teyatero, bwe baamala okukwata Gayo ne Alisutaluuko, ab'e Makedoni, abaatambulanga ne Pawulo.
- 30 Pawulo bwe yayagala okuyingira mu bantu, abayigirizwa ne batamukkiriza.
- 31 Era abakulu abamu aba Asiya, abaali mikwano gye, ne bamutumira nga bamwe-gayirira aleme okwewaayo mu teyatero.
- 32 Abamu ne boogerera waggulu bulala, n'abalala bulala, kubanga ekibiina kyali kyetabudde, so n'abalala bangi ne batategeera nsonga ebakuaanyizza.
- 33 Ne baggya Alegezanda mu kibiina, Abayudaaya nga bamusindiikiriza. Alegezanda n'abawenya n'omukono n'ayagala okwennyonyola eri abantu.
- 34 Naye bwe baamutegeera nga Muyudaaya, bonna ne boogerera waggulu n'eddoboozi limu okumala ng'essaawa bbiri nti Atemi w'Abaefeso mukulu.
- 35 Omuwandisi bwe yasirisa ekibiina, n'agamba nti Abasajja Abaefeso, muntu ki atategeera ng'ekibuga ky'Abaefeso kye kikuuma essabo lya Atemi omukulu n'ekifaananyi ekyava eri Zewu.
- 36 Kale kubanga ebyo tebyegaanika, kibagwanidde mmwe okukkakkana n'obutakola kintu mu kwanguyiriza.
- 37 Kubanga muleese abantu bano abatanyaze bya mu ssabo so era tebavvodde katonda waffe omukazi.
- 38 Kale oba nga Demeteriyo n'abaweesi abali naye balina ekigambo ku muntu, enkiiko weeziri n'abaamasaza weebali: baloopagane.
- 39 Naye oba nga munoonya birala, binaasalirwa mu kkuaaniro eribaawo bulijjo.
- 40 Kubanga ddala tuyinza okutuukwako akabi olw'akeegugungo kano aka leero, kubanga tewali nsonga gye tuliyyinza kuwoza olw'okukuaana kuno.
- 41 Bwe yayogera bw'atyo n'ayabulula ekibiina.

Essuula 20

- 1 Akacwano bwe kamala okukkakkana, Pawulo n'ayita abayigirizwa n'ababuulirira n'abasiibula, n'avaayo okugenda e Makedoni.
- 2 Bwe yayita mu njuyi ziri n'abategeeza ebigambo bingi, n'atuuka e Buyonaani.
- 3 Bwe yamalayo emyezi esatu, era Abayudaaya bwe baamusalira olukwe, bwe yali ng'agenda okuyita mu nnyanja okuddayo mu Makedoni.

- 4 Ne bagenda naye okutuuka mu Asiya Sopateri Omuberoya mutabani wa Puulo; n'Abasessaloniika Alisutaluuko ne Sekundo; ne Gayo Omuderube ne Timosewo; n'AbasiyaTukiko ne Tulofiimo.
- 5 Bano ne bakulembere ne batulindirira mu Tulowa.
- 6 Ffe ne tuva mu Firipi ne tuwanika amatanga oluvannyuma lw'ennaku ez'emigaati egitazimbulukuswa, ne tubatuukako mu Tulowa mu nnaku ttaano; gye twamala ennaku omusanvu.
- 7 Awo ku lunaku olw'olubereberye mu ssabbiiti, bwe twakuaana okumenya emigaati, Pawulo n'anyumya nabo, ng'ayagala okusitula enkya, n'alwawo mu kwogera okutuusa ettumbi.
- 8 Ne wabaawo ettabaaza nnyingi mu kisenge ekya waggulu, mwe twakuaanira.
- 9 Omulenzi erinnya lye Yutuko n'atuula mu ddirisa, n'akwatibwa otulo tungi; awo Pawulo bwe yalwawo ng'akyanyumya, ng'akwatiddwa otulo tungi n'ava mu nju ey'okusatu, n'agwa, n'alondebwa ng'afudde.
- 10 Pawulo n'akka n'amugwako n'amuwambaatira n'agamba nti Temukuba biwoobe; obulamu bwe mwebuli munda.
- 11 N'alinnya n'amenya omugaati n'alyako n'alwawo ng'akyanyumya okutuusa enkya, n'alyoka avaayo.
- 12 Ne baleeta omulenzi nga mulamu, ne basanyuka si katono.
- 13 Naye ffe ne tukulembere okutuuka ku kyombo ne tugenda okutuuka e Aso, nga twagala eyo okusiika Pawulo: kubanga yali alagidde bw'atyo, ng'ayagala ye yennyini okuyita ku lukalu.
- 14 Bwe yatusanga mu Aso ne tumusiika, ne tuja e Mituleene.
- 15 Ne tuwanika amatanga okuvaayo ku lunaku olw'okubiri ne tutuuka mu maaso ga Kiyo; ku Iw'okusatu ne tugoba ku Samo; ku lw'okuna ne tutuuka mu Mireeto.
- 16 Kubanga Pawulo yasiima okuyitira mu Efeso mu kyombo, aleme okulwa mu Asiya; kubanga yali ayanguwa, oba nga kiyinzika okubeera mu Yerusaalemi ku lunaku lwa Pentekoote.
- 17 Bwe yali mu Mireeto n'atuma, mu Efeso n'ayita abakadde b'ekkanisa.
- 18 Bwe baatuuka gy'ali n'abagamba nti Mmwe mumanyi okuva ku lunaku olw'olubereberye bwe nnalinnya mu Asiya, bwe nnabanga nammwe mui biro byonna,
- 19 nga mpeereza Mukama waffe n'obuwombeefu bwonna n'amaziga n'okukemebwa kwe nnalaba mu nkwe z'Abayudaaya:
- 20 bwe sseekekanga kubabuulira kigambo kyonna ekisaana, n'okubayigiririzanga mu maaso g'abantu ne mu buli nju,
- 21 nga ntegeeza Abayudaaya era n'Abayonaani okwenenya eri Katoada n'okukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo.
- 22 Kaakano, laba, bwe nsibiddwa mu mwoyo, enda e Yerusaalemi nga simanyi bye ndiraba eyo,
- 23 wabula nga Omwoyo Omutukuvu antegeeza mu buli kibuga; ng'agamba nti okusibibwa n'okubonyaabonyezebwa binnindiridde.
- 24 Naye obulamu bwange sibulowooza nga kintu, nga bwa muwendo gye ndi, ndyoke ntuukirize olugendo lwange n'okuweereza kwe nnaweebwa Mukama waffe Yesu, okutegeezanga enjiri ey'ekisa kya Katonda.
- 25 Kaakano, laba, nze mmanyi nga temukyandaba maaso gange mmwe mwenna be nnayitangamu nga mbuulira obwakabaka.
- 26 Kyenva mbategeeza leero nti nze ndi mulongoofu olw'omusaayi gwa bonna,
- 27 kubanga sseekekanga kubabuulira kuteesa kwa Katonda kwonna.
- 28 Mwekuumenga mmwe mwekka n'ekisibo kyonna Omwoyo Omutukuvu mwe yabateeka mmwe okuba abalabirizi, okulundanga ekkkanisa ya Katonda gye yeegulira

n'omusaayi gwe yennyini.

- 29 Nze mmanyi nga bwe ndimala okuvaawo emisege emikambwe giriyingira mu mmwe, tegirisaasira kisibo;
- 30 era mu mmwe mwekka muliva abantu ngaboogera ebigambo ebikyamyeye, okuwalula abayigirizwa ennyuma waabwe.
- 31 Kale mutunule, mujjukire nga saalekanga kulabula n'amaziga buli muntu mu myaka esatu emisana n'ekiro.
- 32 Era ne kaakano mbasigira Katonda n'ekigambo eky'ekisa kye ekiyinda okuzimba n'okugaba obusika mu abo bonna abatukuzibwa.
- 33 Seegombanga ffeeza ya muntu yenna newakubadde zaabu newakubadde ekyambalo.
- 34 Mmwe mmanyi ng'emikono gino gye gyakolanga bye nneetaaga n'abo abali nange.
- 35 Mbalaze mu byonna bwe kibagwanira okukolanga emirimu bwe mutyo okuyambanga abatalina maanyi, n'okujjukiranga ebigambo bya Mukama waffe Yesu bwe yagamba ye yennyini nti Okugaba kwa mukisa okusinga okutoola.
- 36 Bwe yayogera bw'atyo n'afukamira n'asabira wamu nabo bonna.
- 37 Ne bakaaba nnyo bonna, ne bamugwa mu bulago Pawulo ne bamunywegera,
- 38 nga banakuwala okusinga byonna olw'ekigambo kye yayogera nti tebakyaddayo kumulaba. Ne bamuwerekerako okutuuka ku kyombo.

Essuula 21

- 1 Awo olwatuuka bwe twamala okwawukana nabo ne tuvaayo, ne tukwata ekkubo eggolokofu okutuuka e Koosi, ku lunaku olw'okubiri ne tutuuka e Rodo, ne tuvaayo ne tutuuka e Patala.
- 2 Bwe twasanga ekyombo nga kiwunguka okugenda e Foyiniiki, ne tusaabala ne tugenda.
- 3 Bwe twalengera Kupulo, ne tukireka ku mukono ogwa kkono ne tugenda e Busuuli, ne tugoba e Ttuulo: kubanga eyo ekyombo gye kyayagala okusiikululira ebintu.
- 4 Bwe twalabayo abayigirizwa ne tumalayo ennaku musanvu. Abo ne bagamba Pawulo mu Mwoyo aleme okulinyanya mu Yerusaalemi.
- 5 Awo bwe twamalayo ennaku ezo ne tuvaayo ne tugenda; bonna ne batuwerekerako n'abakazi n'abaana abato okutuuka ebweru w'ekibuga: ne tufukamira ku lubalama lw'ennyanja, ne tusaba;
- 6 ne tusiibulagana, ne tusaabala mu kyombo, naye bo ne baddayo eka.
- 7 Naffe bwe twamala olugendo lwaffe okuva e Ttuulo ne tutuuka e Potolemaayi; ne tulamura ab'oluganda ne tumala nabo olunaku lumu.
- 8 Ku lunaku olw'okubiri ne tuvaayo ne tutuuka e Kayisaliya: ne tuyingira mu nnyumba ya Firipo, omubuulizi w'enjiri, omu ku bali omusanvu, ne tutuula naye.
- 9 Naye oyo yalina abawala bana abatamanyi musajja abaalagulanga.
- 10 Bwe twalwayo ennaku nnyingi, e Buyudaaya n'evaayo omuntu nnabbi erinnya lye Agabo.
- 11 N'ajja gye tuli n'addirira olukoba lwa Pawulo ne yeesiba amagulu ge n'emikono gye n'agamba nti Bw'atyo bw'ayogera Omwoyo Omutukuvu nti Abayudaaya bwe balisiba bwe batyo mu Yerusaalemi omuntu nannyini lukoba luno, balimuwaayo mu mikono gy'ab'amawanga.
- 12 Bwe twawulira ebyo, ffe era n'abantu ab'omu kifo kiri ne tumwegayirira aleme okulinyanya mu Yerusaalemi.
- 13 Awo Pawulo n'alyoka addamu nti Mukola ki okukaaba n'okumenya omutima gwange? Kubanga nze seetegese kusibibwa busibibwa era naye n'okufiira mu Yerusaalemi olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu.

- 14 Bwe yalema okuwulira ne tulekayo nga tugamba nti Mukama waffe ky'ayagala kikolebwe.
- 15 Awo oluvannyuma lw'ennaku ezo ne tusitula emigugu ne tulinnya e Yerusaalemi.
- 16 Era n'abayigirizwa abaava e Kayisaliya ne bagenda naffe, ne baleeta omuntu Muna-soni ow'e Kupulo omuyigirizwa ow'edda, agenda okutusuzwa.
- 17 Bwe twatuuka mu Yerusaalemi ab'oluganda ne batusembeza n'essanyu.
- 18 Ku lunaku olw'okubiri Pawulo n'ayingira wamu naffe omwa Yakobo; era n'abakadde bonna baaliwo.
- 19 Bwe yamala okubalamusa n'ababuulira kinnakimu Katonda bye yakolanga mu mawanga mu kuweereza kwe.
- 20 Nabo bwe baawulira ne bagulumiza Katonda; ne bamugamba nti Olaba, ow'oluganda, enkumi bwe ziri mu Bayudaaya abantu abakkiriza; nabo bonna balina obuggya obw'amateeka:
- 21 abo babuulirwa ebigambo byo nti ggwe oyigiriza Abayudaaya bonna abali mu mawanga okuleka Musa, ng'ogamba baleme okukomolanga abaana abato newakubadde okutambuliranga mu mpisa.
- 22 Kale kiki kino? Tebaaleme kuwulira ng'ozze.
- 23 Kale kola nga bwe tukugamba: tulina abasajja bana abeerayirira ekirayiro;
- 24 obatwale abo otukuzibwe wamu nabo, obawe effeeza beemwe emitwe: bonna banaategeera ng'ebigambo bye baabuulirwa ku ggwe tebiriimu; naye nga naawe wennyini wegendereza ng'okwata amateeka.
- 25 Naye ab'amawanga abakkiriza twawandiika ne tusala omusango nti beekuumenga mu bintu ebiweebwa eri ebifaananyi n'omusaayi n'ebitugiddwa n'obwenzi.
- 26 Awo Pawulo n'alyoka atwala abantu, ku lunaku olw'okubiri n'atukuzibwa wamu nabo n'ayingira mu yeekaalu okulaga ennaku ez'okutukuza bwe zituuse, okutuusa ekiweebwayo lwe kyaweebwayo olwa buli omu ku bo.
- 27 Awo ennaku omusanvu bwe zaali zinaatera okutuuka, Abayudaaya abaava mu Asiya ne bamulaba mu yeekaalu ne basasamaza ekibiina kyonna ne bamukwata,
- 28 nga boogerera waggulu nti Abasajja Abaisiraeri, mutuyambe: ono ye muntu oli ayigiriza bonna buli kifo obubi ku bantu ne ku mateeka ne ku kifo kino: era nate aleese Abayonaani mu yeekaalu, ayonoonye ekifo ekitukuvu.
- 29 Kubanga baali bamaze okulaba Tulofiimo Omuwefeso ng'ali naye mu kibuga: ne bateerera nti Pawulo amuleese mu yeekaalu.
- 30 Ekibuga kyonna ne kyegugumula, abantu ne bakuaana mbiro; ne bakwata Pawulo ne bamuwalula okumufulumya ebweru wa yeekaalu: amangu ago enzi ne ziggawawo.
- 31 Bwe baali basala amagezi okumutta, ebigambo ne bituuka ku mwami omukulu w'ekitongole ekyabaserikale nti Yerusaalemi kyonna kyefuukudde.
- 32 Amangu ago n'atwala baserikale n'abaami n'aserengeta gye baali mbiro: nabo bwe baalaba omwami omukulu n'abaserikale ne baleka okukuba Pawulo.
- 33 Awo omwami omukulu n'alyoka asemblera n'amukwata n'alagira okumusibya enjere bbiri; n'abuuzwa nti ye ani, ne ky'akoze ki.
- 34 Abamu ab'omu kibiina ne boogerera waggulu bulala abalala bulala: bw'ataayinza kutegeera mazima olw'okuleekaana, n'alagira okumutwala mu kigo.
- 35 Bwe yatuuka ku madaala, n'alyoka asitulibwa baserikale olw'amaanyi g'ekibiina:
- 36 kubanga ekibiina ky'abantu baali bagoberera nga boogerera waggulu nti Mutte.
- 37 Pawulo bwe yali anaatera okuyingizibwa mu kigo n'agamba omwami omukulu nti Kirungi mbeeko kye nkubuulira? N'agamba nti Omanyi Oluyonaani?
- 38 Kale si ggwe Mumisiri oli mu nnaku ezaayita eyajeemesa abantu enkumi ennya ku Batemu bali, n'abatwala mu ddungu?
- 39 Naye Pawulo n'agamba nti Nze ndi muntu Muyudaaya, ow'e Taluso eky'omu

Kirukiya, si wa mu kibuga ekitali kimanyifu: era nkwegayiridde, ndeka njogere n'abantu.

- 40** Bwe yamukkiriza, Pawulo n'ayimirira ku madaala n'awenya n'omukono abantu: bwe baamala okusiriikirira ddala, n'ayogera mu lulimi Olwebbulaniya ng'agamba nti

Essuula 22

- 1** Abasajja ab'oluganda ne bassebo, muwulire ensonga gye mbawoleza kaakano.
- 2** Bwe baawulira ng'abagambye mu lulimi Olwebbulaniya ne beeyongera okusirika: n'agamba nti
- 3** Nze ndi muntu Muyudaaya, eyazaalirwa mu Taluso eky'omu Kirukiya, naye eyalererwa mu kibuga muno ku bigere bya Gamalyeri, eyayigirizibwa ennyo mu mpisa z'amateeka ga bajjajja, ne mbeeranga n'obuggya bwa Katonda nga mmwe mwenna bwe muli leero:
- 4** ne njigganyanga ab'Ekkubo lino n'okubatta, nga mbasibanga era nga mbateekanga mu makomera abasajja n'abakazi;
- 5** era ne kabona asinga obukulu ye mujulirwa wange ow'ebyo n'abakadde bonna: era nabo ne bampa ebbaluwa eri ab'oluganda, ne ntambula okugenda e Ddamasiko abo abaali eyo baleetebwe mu Yerusaalemi nga basibe babonerezebwe.
- 6** Awo olwatuuka bwe nnali nga ntambula nga nnaatera okutuuka e Ddamasiko, nga mu ttuntu, amangu ago omusana mungi ogwava mu ggulu ne gwaka ne gunneetooloola;
- 7** ne ngwa wansi, ne mpulira eddoozi nga liamba nti Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki?
- 8** Nze ne nziramu nti Ggwe ani, Mukama wange? N'aamba nti Nze Yesu Omunazaaleesi gw'oyigganya ggwe.
- 9** Abaali awamu nange ne balaba omusana, naye ne batawulira ddoozi ly'oyo eyayogera nange.
- 10** Ne amba nti Nnaakola ntya, Mukama wange? Mukama waffe n'aamba nti Golokoka, ogende e Ddamasiko, onoobuulirirwa eyo ebigambo ebyo byonna by'olagiddwa okukola.
- 11** Bwe ssaayinza kulaba olw'ekitiibwa ky'omusana guli, ne nkwatibwa ku mukono abo abaali nange ne ntuuka mu Ddamasiko.
- 12** Omuntu omu erinnya lye Ananiya atya Katonda mu mateeka, eyasiimibwa Abayudaaya bonna abatuula eyo,
- 13** n'ajja gye ndi n'ayimirira we ndi n'aamba nti Ow'oluganda Sawulo, zibula. Mu kiseera ekyo ne nzibula okumutunuulira.
- 14** N'agamba nti Katonda wa bajjajjaffe yakulonda dda otegeere ebyo by'ayagala, era olabe Omutuukirivu oli, era owulire eddoozi eriva mu kamwa ke.
- 15** Kubanga onoobeeranga mujulirwa we eri abantu bonna ow'ebigambo by'olabye ne by'owulidde.
- 16** Kale kaakano ekikulwisa ki? Golokoka, obatizibwe onaaze ebibi byo, nga weegayirira erinnya lye.
- 17** Awo olwatuuka bwe nnakomawo e Yerusaalemi, bwe nnali nga nsaba mu yeekaalu, omwoyo gwange ne guwaanyisibwa
- 18** ne mmulaba ng'aamba nti Yanguwa ove mangu mu Yerusaalemi; kubanga tebalikiriza kutegeeza kwo ku nze.
- 19** Nange ne amba nti Mukama wange, bo bennyini bamanyi nti nze nnabateekanga mu makomera era nga nnabakubiranga mu buli kkuaanero abakukkiriza:
- 20** era n'omusaayi ogw'omujulirwa wo Suteefano bwe gwayiibwa, nange kennyini nnali nga nnyimiridde awo, nga nsiimye, nga nkuuma ebyambalo byabwe abaanutta.

- 21 N'aamba nti Genda: kubanga nze enda kukutuma wala mu b'amawanga.
- 22 Ne bamuwuliriza okutuusa ku kigambo kino, ne bayimusa amaloboozi gaabwe nga bagamba nti Aggibwe mu nsi afaanana bw'atyo: kubanga si kirungi abeere mulamu.
- 23 Bwe baali nga boogerera waggulu era nga bakasuka engoye zaabwe, era nga bafu-umuulira waggulu enfuufu,
- 24 omwami omukulu n'alagira okumuleeta mu kigo, ng'agamba okumukemereza n'emiggo alyoke ategeere ensonga gye bamulanze okwogerera waggulu ku ye bwe batyo.
- 25 Bwe baali nga bamaze okumusibya enkoba, Pawulo n'agamba omwami eyali amuyimiridde okumpi nti Si kya muzizo mmwe okukuba omuntu Omuruumi nga tannaba kusalirwa musango?
- 26 Omwami bwe yawulira n'agenda eri omwami omukulu n'amubuulira ng'agamba nti Oagenda kukola ki? kubanga omuntu ono Muruumi.
- 27 Omwami omukulu n'agenda gy'ali, n'amugamba nti Mbuulira, ggwe oli Muruumi? N'agamba nti Yee.
- 28 Omwami omukulu n'addamu nti Nze nnafunna Oburuumi buno n'ebintu bingi. Pawulo n'agamba nti Naye nze mmwe nnazaalirwa.
- 29 Awo amangu ago ne balyoka bamuleka abaali bagenda okumukemereza: era n'omwami omukulu n'atya bwe yamala oku tegeera nga Muruumi, era kubanga amusibye.
- 30 Naye ku lunaku olw'okubiri, bwe yayagala okumanya amazima ensonga Abayudaaya gye bamulanze okumuloopa, n'amusumulula n'alagira bakabona abakulu n'olukiiko lwonna okukuaana, n'aleeta Pawulo n'amuteeka mu maaso gaabwe.

Essuula 23

- 1 Pawulo ne yeekaliriza amaaso ab'olukiiko n'agamba nti Abasajja ab'oluganda, nze nneegendereza n'omwoyo gwonna omulungi mu maaso ga Katonda okutuusa ku lunaku luno.
- 2 Pawulo n'alyoka amugamba nti Katonda alikukuba, ggwe ekisenge ekyasiigibwa okutukula; era otudde okunsalira omusango ng'amateeka bwe gali, n'olagira okunkuba ng'amateeka bwe gatalagira?
- 3 Pawulo n'alyoka amugamba nti Katonda alikukuba, ggwe ekisenge ekyasiigibwa okutukula; era otudde okunsalira omusango ng'amateeka bwe gali, n'olagira okunkuba ng'amateeka bwe gatalagira?
- 4 Abaali bamuyimiridde okumpi ne bagamba nti Ovuma kabona asinga obukulu owa Katonda?
- 5 Pawulo n'agamba nti Mbadde simumanyi, ab'oluganda, nga ye kabona asinga obukulu: kubanga kyawandiikibwa nti Toyogeranga bubi ku mukulu w'abantu bo.
- 6 Naye Pawulo bwe yategeera ng'ekitundu ekimu kya Basaddukaayo n'eky'okubiri kya Bafalisaayo, n'ayogerera waggulu mu lukiiko nti Abasajja ab'oluganda, nze ndi Mufalisaayo mwana w'Abafalisaayo: nsalirwa omusango olw'essuubi n'okuzuukira kw'abafu.
- 7 Bwe yayogera bw'atyo ne wabaawo okuyomba Abafalisaayo n'Abasaddukaayo, ekibiina ne kyawukanamu.
- 8 Kubanga Abasaddukaayo bagamba nti tewali kuzuukira, newakubadde malayika, newakubadde omuzimu: naye Abafalisaayo baatula byombi.
- 9 Ne wabaawo okukaayana kungi: abawandiisi abamu ab'omu kitundu eky'Abafalisaayo ne bayimirira ne bawakana nga bagamba nti Tetulaba kibi ku muntu ono: era kinaaba kitya oba ng'omuzimu gwe gwogedde naye oba malayika?

- 10 Bwe waabaawo okuyomba okungi, omwami omukulu ng' atya Pawulo nga bagenda okumukutulamu, n' alagira ekitongole okukka wansi okumuggya wakati mu bo olw' amaanyi, okumuleeta mu kigo.
- 11 Awo mu kiro eky' okubiri, Mukama waffe n' ayimirira w' ali n' agamba nti Guma omwoyo: kuba nga bwe wategeeza ebigambo byange mu Yerusaalemi, era kikugwanidde okutegeeza bw' otyo ne mu Ruumi.
- 12 Bwe bwakya enkya, Abayudaaya ne balagaana ne beeyama obweyamo nga bagamba nti tebajja kulya newakubadde okunywa wabula nga bamaze kutta Pawulo.
- 13 Abeekobaana bwe batyo ne basukka amakumi ana.
- 14 Abo ne bajja eri bakabona abakulu n' abakadde ne bagamba nti Okwekolimira twekolimidde obutakomba ku kantu wabula nga tumaze kutta Pawulo.
- 15 Kale kaakano mmwe n' olukiiko mugambe omwami omukulu amuleete wansi gye muli ng' abaagala okwongera okumanya amazima g' ebigambo bye: naffe, anaaba nga tannaba kusembera, tweteeseteese okumutta.
- 16 Naye omwana wa mwannyina wa Pawulo n' awulira olukwe luno, n' ajja n' ayingira mu kigo, n' abuulira Pawulo.
- 17 Pawulo n' ayita omu ku baami n' amugamba nti Twala omulenzi ono eri omwami omukulu; kubanga alina ekigambo okumubuulira.
- 18 Awo oli n' amutwala n' amuleeta eri omwami omukulu n' agamba nti Pawulo omusibe yampise n' annee gayirira okukuleetera omulenzi ono, ng' alina ky' agenda okukubuulira.
- 19 Omwami omukulu n' amukwata ku mukono ne yeeyawula mu kyama n' amubuuza nti Bigambo ki by' olina okumbuulira?
- 20 N' agamba nti Abayudaaya bateesezza okukwegayirira okuleeta Pawulo enkya wansi mu lukiiko ng' agenda okwongera okumubuuza amazima g' ebigambo bye.
- 21 Kale ggwe tobakkiriza: kubanga abantu baabwe bamuteeze okusinga amakumi ana abeekolimidde obutalya newakubadde okunywa wabula nga bamaze okumutta; nabo kaakano beeteeseteese nga balindirira ggwe okubasuubiza.
- 22 Awo omwami omukulu n' asiibula omulenzi, bwe yamala okumukuutira nti Tobuulirako omuntu ng' ombuulidde ebigambo bino.
- 23 N' ayita babiri ku baami n' agamba nti Mutegeke basserikale ebikumi bibiri okugenda e Kayisaliya, n' ab' oku mbalaasi nsanvu, n' ab' amafumu ebikumi bibiri, mu ssaawa ey' okusatu ey' ekiro;
- 24 era babalabire ensolo balyoke beebagazeeko Pawulo era bamutwale mirembe eri Ferikisi owessaza.
- 25 N' awandiika ebbaluwa engeri eno nti
- 26 Kulawudiyo Lusiya alamusizza owessaza omulungi ennyo Ferikisi,
- 27 Omuntu oyo bwe yamala okukwatibwa Abayudaaya, bwe baali bagenda okumutta, ne njija n' ekitongole gye baali ne mbamuggyako, bwe nnategeera nga Muruumi.
- 28 Era bwe nnayagala okutegeera ensonga gye bamulanze okumuloopa, ne mmutwala mu lukiiko lwabwe.
- 29 Ne ndaba ng' aloopeddwa bya kubuuzibwa eby' omu mateeka gaabwe, naye nga tewali nsonga ya kumussa newakubadde okusibibwa.
- 30 Bwe bambuulira nti banaamusalira olukwe, amangu ago ne mmuweereza gy' oli; era ne ndagira abamuloopa okumuloopera mu maaso go.
- 31 Awo basserikale nga bwe baalagirwa ne batwala Pawulo ne bamuleeta mu kiro okutuuka mu Antipatuli.
- 32 Naye ku lunaku olw' okubiri ne baleka ab' oku mbalaasi okugenda naye ne baddayo mu kigo:
- 33 abo bwe baatuuka e Kayisaliya ne bawa ebbaluwa owessaza era ne bamwanjulira

Pawulo.

- 34** Bwe yamala okugisoma, n'abuuza essaza gye yava; bwe yabuulirwa nti yava mu Kirukiya,
35 n'agamba nti Ndikuwulira abakuloopa bwe balibaawo nabo: n'alagira okumukuumira mu nnyumba ya Kerode.

Essuula 24

- 1** Ennaku bwe zaayitawo ettaano, kabona asinga obukulu Ananiya n'aserengeta n'abakadde abamu n'omuntu omwozezi Terutuulo: abo ne babuulira owessaza ebigambo Pawulo bye yaloopebwa.
2 Bwe yayitibwa, Terutuulo n'atanula okumuloopa ng'agamba nti Kubanga twali tufunye emirembo mingi eri ggwe, n'ebigambo ebibi nga birongoosebbwa mu ggwanga lino olw'okulabirira kwo,
3 tubikkiriza ennaku zonna ne mu bifo byonna, Ferikisi omulungi ennyo, n'okwebaza kwonna.
4 Naye nneme okwongera okukukooya, nkwegayiridde otuwulire mu bigambo bitono olw'obulungi bwo.
5 Kubanga twalaba omuntu ono nga mubi nnyo, ajeemesa Abayudaaya bonna abali mu nsi zonna, era ye mukulu w'ekitundu ky'Abanazaaleesi:
6 yagezaako okwonoona yeekaalu: ne tumukwata, ne twagala okumusalira omusango ng'amateeka gaffe bwe gali:
7 naye omwami omukulu Lusiya n'ajja n'atumuggyako mu mikono gyaffe n'amaanyi mangi,
8 bwe yalagira abamuvunaana okujja gy'oli: bw'onoomwebuuliza wekka onooyinza okutegeera bino byonna bye tumuvunaana.
9 Era n'Abayudaaya ne bamuloopa bumu nga bagamba nti bwe bityo bwe biri.
10 Awo owessaza bwe yamuwenya okwogera, Pawulo n'addamu nti Kubanga mmanyi ng'oli mulamuzi wa ggwanga lino okuva mu myaka mingi, nkuwoleza ebigambo byange n'omwoyo omugumu;
11 kubanga oyinza okutegeera ng'ennaku tezinnayita kkumi na bbiri! kasookedde nninnya e Yerusaalerni okusinza:
12 so tebansanganga mu yeekaalu nga mpakana n'omuntu oba nga njeemesa ekibiina newakubadde mu kkuaaniri newakubadde mu kibuga.
13 So tebayinza kukakasa w'oli ebigambo bye banvunaana kaakano.
14 Naye kino nkyatula w'oli nti Ekkubo nga bwe liri lye bayita enzikiriza, bwe ntyo bwe mpeereza Katonda wa bajjajjaffe, nga nzikiriza byonna ebyawandiikibwa mu mateeka ne mu bya bannabbi;
15 nga nnina essuubi eri Katonda, era nabo bennyini lye basuubira, nti walibaawo okuzuukira kw'abatuukirivu era n'abatali batuukirivu.
16 Era nnyikira mu kigambo ekyo okubeeranga n'omwoyo ogutalina musango eri Katonda n'eri abantu ennaku zonna.
17 Awo emyaka mingi bwe gyayitawo ne njija okuleeta eby'abaavu eri eggwanga lyaffe n'ebiweebwayo:
18 bwe nnali mu ebyo Abayudaaya abamu abaava mu Asiya ne bansanga mu yeekaalu nga ntukuzibwa, nga sirina kibiina newakubadde oluyoogaano;
19 abagwanidde okubeera w'oli n'okunnumiriza oba nga balina ekigambo ku nze.
20 Oba bano bayogere bennyini ekibi kye baalaba bwe nnayimirira mu lukiiko
21 wabula olw'eddoboozi lino erimu lye nnayogerera waggulu, nga nnyimiridde mu bo, nti Olw'okuzuukira kw'abafu nsalirwa omusango gye muli ku lunaku luno.

- 22 Naye Ferikisi, kubanga ye yali abasinga okumanya ebigambo eby'Ekkubo, n'abalwisaawo ng'agamba nti bw'aliserengeta Lusiyi omwami omukulu, ndisala omusango gw'ebigambo byammwe.
- 23 N'alagira omwami okumukuuma n'okumuwa ebbanga; n'obutaziyiza muntu yenna ku mikwano gye, okumuweereza.
- 24 Naye ennaku bwe zaayitawo Ferikisi n'ajja ne mukazi we Dulusira, Omuyudaaya, n'ayita Pawulo n'amuwuliriza ku bigambo eby'okukkiriza Kristo Yesu.
- 25 Bwe yali ng'ateeza eby'obubutuukirivu, n'eby'okwegendereza, n'eby'omusango ogugenda okujja, Ferikisi n'atya n'addamu nti Genda kaakano; bwe ndiba n'ebbanga, ndikuyita.
- 26 Era n'asuubira Pawulo okumuwa ebintu: kyeyava yeeyongeranga okumutumiranga okunyumyanga naye.
- 27 Naye bwe waayitiwo emkyaka ebiri, obwa Ferikisi ne buweebwa Polukiyo Fesuto; Ferikisi bwe yayagala Abayudaaya okumusiima, n'aleka Pawulo nga musibe.

Essuula 25

- 1 Awo Fesuto bwe yatuuka mu ssaza, bwe waayitawo ennaku ssatu, n'ava mu Kayisaliya n'alinnya e Yersaalemi.
- 2 Bakabona abakulu n'abakungu b'Abayudaaya ne bamubuulira Pawulo bye yaloopebwa; ne bamwegayirira,
- 3 nga baagala abakole obulungi ku ye, amutumire okujja e Yersaalemi; bamuteegere mu kkubo okumutta.
- 4 Naye Fesuto n'addamu nti Pawulo akumirwa mu Kayisaliya, naye ye yennyini yali ng'anaatera okuvaayo okugenda.
- 5 N'agamba nti Kale abakulu mu mmwe bagende nange, bamuvunaane oyo oba ng'aliko ekibi kyonna kyonna.
- 6 Bwe yamalayo ewaabwe ennaku ezitaasingawo munaana oba kkumi, n'aserengeta e Kayisaliya; ku lunaku olw'okubiri n'atuula ku ntebe esalirwako emisango, n'alagira okuleeta Pawulo.
- 7 Bwe yatuuka Abayudaaya abaava e Yersaalemi ne bayimirira okumwetooolola, nga baleeta ebimuvunaanwa bingi era ebizibu, bye bataayinza kulumiriza;
- 8 Pawulo n'awoza nti Siyoononanga mu mateeka g'Abayudaaya newakubadde ku yeekaalu newakubadde eri Kayisaali.
- 9 Naye Fesuto, bwe yayagala Abayudaaya okumusiima, n'addamu eri Pawulo n'agamba nti Oyagala okugenda e Yersaalemi osalirwe eyo omusango gw'ebigambo bino mu maaso gange?
- 10 Naye Pawulo n'agamba nti Nnyimiridde awali entebe esalirwako emisango eya Kayisaali, we wanidde okusalirwa omusango: siyoononanga eri Abayudaaya, era nga naawe bw'otegeerera ddala obulungi.
- 11 Kale oba nga nnayoonona era nga nnakola ekigambo ekisaanidde okunzisa, sigaana kufa: naye oba nga bano ebigambo bye banvunaana nga tebiriwo na kimu, tewali muntu ayinza okumpaayo mu bo. Njulira Kayisaali.
- 12 Fesuto bwe yamala okuteesa nabo mu lukiiko n'alyoka addamu nti Ojulidde Kayisaali: oligenda eri Kayisaali.
- 13 Awo bwe waayitawo ennaku, Agulipa kabaka ne Berenike ne batuuka e Kayisaliya, ne balamusa Fesuto.
- 14 Bwe baamalayo ennaku nnyingi, Fesuto n'abuulira kabaka ebigambo bya Pawulo ng'agamba nti Waliwo omuntu Ferikisi gwe yaleka nga musibe:
- 15 bwe nnali mu Yersaalemi bakabona abakulu n'abakadde b'Abayudaaya ne

bambuulira ebigambo bye, nga baagala okumusalira omusango.

- 16 Ne mbaddamu nti Si mpisa ya Baruumi okuwaayo omuntu abamuvunaana nga tebannaba kubaawo mu maaso ge, era nga tannaweebwa bbanga lya kuwoza bye bamuvunaana.
- 17 Awo bwe baakuaanira wano, saalwa n' akatono, naye ku lunaku olw' okubiri ne ntuula ku ntebe esalirwako emisango ne ndagira okuleeta omusajja oyo.
- 18 Bwe baayimirira abamuvunaana ne bataleeta nsonga ya bigambo bibi nga bwe nnali ndowooza;
- 19 naye baalina ku ye ebibuuzibwa mu ddiini yaabwe n' eby' omuntu Yesu eyafa, Pawulo gwe yayogerako okuba omulamu.
- 20 Nange bwe nnabulwa bwe nnaakebera ebyo, ne mmubuuza ng' ayagala okugenda e Yersaalemi okusalirwayo omusango ogwa bino.
- 21 Naye Pawulo bwe yajulira okukuumibwa okusalirwa omusango eri Augustito, ne ndagira okumukuuma okutuusa lwe ndimuweereza eri Kayisaali.
- 22 Agulipa n' agamba Fesuto nti Nandyagadde nange okuwulira omuntu oyo. N' agamba nti Enkya onoomuwulira.
- 23 Awo ku lunaku olw' okubiri Agulipa ne Berenike bwe bajja n' ekitiibwa ekinene era bwe baayingira mu kifo awawulirirwa emisango wamu n' abaami abakulu n' abakungu ab' omu kibuga, Fesuto n' alagira Pawulo n' aleetebwa.
- 24 Fesuto n' agamba nti Agulipa kabaka nammwe mwenna abali wano naffe, mumulaba ono, ekibiina kyonna eky' Abayudaaya gwe banneegayiririra mu Yersaalemi ne wano nga boogerera waggulu nti tekimugwanidde kuba mulamu nate.
- 25 Naye nze ne ntegeera nga takoze kigambo ekisaanidde okumussa: naye ye bwe yajulira Augustito ne nsala okumuweerezaayo.
- 26 Sirina kigambo ku ye eky' amazima okuwandiikira mukama wange. Kyenvudde mmuleeta we muli, era okusinga w' oli, ggwe kabaka Agulipa, bwe tunaamala oku-mukemereza ndyoke mbeere n' ekigambo eky' okuwandiika.
- 27 Kubanga ndaba nga kya busiru okuweereza omusibe n' obutabuulira nsonga eziri ku ye.

Essuula 26

- 1 Agulipa n' agamba Pawulo nti Okkirizibwa okuwoza ensonga zo. Awo Pawulo n' alyoka agolola omukono n' awoza nti
- 2 Bye nnavunaanibwa Abayudaaya byonna, kabaka Agulipa, nneesiimye kubanga enda okubiwoza leero w' oli;
- 3 era okusinga kubanga omanyi empisa n' ebibuuzibwa byonna ebiri mu Bayudaaya: kyenva nkwegayirira ogumiikirize okumpulira.
- 4 Kale empisa zange okuva mu buto ezaasooka okubeeranga mu ggwanga lyaffe ne mu Yersaalemi, Abayudaaya bonna bazimanyi;
- 5 abantegeera okusooka edda, singa baagala okutegeeza, bwe nneegenderezanga mu kitundu ekisinga obuzibu eky' eddiini yaffe, ne mbeera Mufalisaayo.
- 6 Kaakano nnyimiridde okusalirwa omusango olw' essubi Katonda lye yasuubiza bajjaj-jaffe;
- 7 lye basuubira okutuukako ebika byaffe ekkumi n' ebibiri, nga banyiikira okuweerezanga Katonda emisana n' ekiro: olw' essubi eryo, kabaka, Abayudaaya kyebavudde bampawaabira.
- 8 Kiki ekibalowoozesa nti tekinyinzika Katonda okuzuukiza abafu?
- 9 Mazima nze nalowoozanga nzekka nga kiwanidde okukolanga obubi ebigambo bingi ku linnya lya Yesu Omunazaaleesi.

- 10 N'okukola ne nkolanga bwe ntyo e Yerusaalemi nze ne nsibanga mu makomera abatukuvu baamu bangi, bwe naweebwa obuyinza eri bakabona abakulu, era bwe battibwa, ne nzikiriza okubatta.
- 11 Era bwe nnababonerezanga emirundi mingi mu makuaanero gonna ne mbawalirizanga okuvvoola; ne mbasunguwaliranga nnyo ne mbayigganyanga okutuukai mu bibuga eby'ebweru.
- 12 Awo bwe nnali nga enda e Ddamasiko nga nnina obuyinza n'okulagirwa okwava eri bakabona abakulu,
- 13 mu ttuntu, kabaka, ne ndaba mu kkubo omusana ogwava mu ggulu ogusinga okwaka kw'enjuba ne gumasamasa ne gunneetooloola n'abaali batambula nange.
- 14 Ne tugwa fenna wansi ne mpulira eddoboosi nga lyogera nange mu lulimi Olwebbulaniya nti Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki? kye kizibu ggwe okusamba ku miwunda.
- 15 Nze ne amba nti Ggwe ani, Mukama wange? Mukama waffe n'agamba nti Nze Yesu, gw'oyigganya ggwe.
- 16 Naye golokoka, oyimirire ku bigere byo: kyenvudde nkulabikira, nkulonde obeerenga omuweereza era omujulirwa w'ebyo mw'ondabidde era ow'ebyo mwe nnaakulabikiranga,
- 17 nga nkuwonya mu bantu ne mu b'amawanga, nze gye nkutuma okuzibula amaaso gaabwe,
- 18 bakyuke okuva mu kizikiza badde eri omusana n'okuvamu buyinza bwa Setaani badde eri Katonda, balyoke baweebwe okuggibwako ebibi n'obusika mu abo abatukuzibwa olw'okukkiriza nze.
- 19 Kale, kabaka Agulipa, saalema kugondera okwolesebwa okw'omu ggulu:
- 20 naye nnasooka okubuulira ab'omu Ddamasiko ne mu Yerusaalemi, era n'ensi yonna ey'e Buyudaaya n'ab'amawanga okwenenya n'okukyukira Katonda, nga bakolonga ebikolwa ebisaanidde okwenenya.
- 21 Abayudaaya kyebaava bankwata mu yeekaalu ne bagezaako okunzita.
- 22 Kale bwe nnaafuna okubeerwa okwava eri Katonda, okutuusa ku lunaku luno nnyimiridde nga ntegeeza abato n'abakulu, nga soogera kigambo wabula bannabbi ne Musa bye baayogera nga bigenda okujja;
- 23 ne kigwanira Kristo okubonyaabonyezebwa; era ye bw'alisooka mu kuzuukira kw'abafu okubuulira omusana abantu n'ab'amawanga.
- 24 Bwe yawoza bw'atyo Fesuto n'agamba n'eddoboosi ddene nti Olaluse, Pawulo: okusoma okwo okungi kukukyusa okuba omulalu.
- 25 Naye Pawulo n'agamba nti Siraluse, Fesuto omulungi ennyo, naye njogera ebigambo eby'amazima eby'obuntu bulamu.
- 26 Kubanga kabaka amanyi ebigambo bino, gwe njogerera mu maaso ge n'obugumu. Kubanga mmanyi ebigambo bino tebyekwese eri kabaka n'ekimu; kubanga ekyo tekyakolebwa mu bubba.
- 27 Okkiriza bannabbi, kabaka Agulipa? Mmanyi ng'okkiriza.
- 28 Agulipa n'agamba Pawulo nti Oyagala okunsendasenda onfuule Omukristaayo;
- 29 Pawulo n'agamba nti Nandisabye Katonda olw'okusendasenda okutono oba okunene si ggwe wekka era naye ne bonna abampulira leero okufuuka nga nze awatali kusi-bibwa kuno.
- 30 Kabaka n'agolokoka n'owessaza ne Berenike n'abaali batudde awamu nabo;
- 31 bwe baddayo eka, ne boogera bokka na bokka nga bagamba nti Omuntu ono takoze ekisaanidde okumussa oba okumusibya.
- 32 Agulipa n'agamba Fesuto nti Omuntu ono yandiyinzizza okuteebwa, singa teyajulira Kayisaali.

Essuula 27

- 1 Awo bwe kyalagirwa ffe okuwanika amatanga okugenda Italiya, ne bawaayo Pawulo n'abasibe abalala abamu eri omwami, erinnya lye Yuliyo, ow'ekitongole kya Augusto.
- 2 Ne tusaabala mu kyombo eky'e Adulamutiyo ekyali kigenda ku njuyi z'e Asiya, ne tuvaayo, Alisutaluuko ow'e Makedoni ow'omu Ssessaloniika naye ng'ali naffe.
- 3 Ku lunaku olw'okubiri ne tugoba e Sidoni: Yuliyo n'akola bulungi Pawulo n'amukkiriza okugenda eri mikwano gye okumulabirira.
- 4 Ne tuvaayo ne tuyita ku mabbali ga Kupulo kubanga omuyaga gwali gutuva mu bwen-gula.
- 5 Bwe twayita mu nnyanja ey'e Kirukiya n'e Panfuliya; ne tutuuka e Mula eky'e Lukiya.
- 6 Omwami n'alabayo ekyombo eky'e Alegezanderiya nga kigenda Italiya; n'atusaabaza mu ekyo.
- 7 Bwe twagenda empola ennaku nnyingi ne tutuuka lwa mpaka ku Kunido, omuyaga bwe gwatulobera, ne tuyita ku mabbali ga Kuleete mu maaso ga Salumone;
- 8 ne tukiyitako lwa mpaka ne tutuuka mu kifo ekiyitibwa Emyalo Emirungi; awaliraanye ekibuga Lasaya.
- 9 Bwe waayitawo ebiro bingi, obubi bwali bumaze okubaawo okugenda mu nnyanja kubanga ennaku ez'Okusiiba zaali ziyise, Pawulo n'abalabula
- 10 ng'abagamba nti Abasajja, ndaba nti olugendo luno lulibaamu okwonoonekerwa n'okufirwa kungi si kwa bintu byokka n'ekyombo, era naye n'obulamu bwaffe.
- 11 Naye omwami n'akkiriza omugoba ne nnannyini kyombo okusinga Pawulo by'ayogedde.
- 12 Kubanga omwalo tegwali mulungi okwewogomamu omuyaga, abamu bangi ne bateesa okuvaayo, mpozzi balyoke batuuke e Foyiniiki okwewogoma omuyaga; gwe mwalo ogw'e Kuleete ogutunuulira wakati w'obukiika n'ebuvanjuba, ne wakati w'obukiika obulala n'ebuvanjuba.
- 13 Empewo ez'omuggundu bwe zaakunta empola, ne balowooza nti bafunye kye babadde baagala, ne basimbula essiika ne bayita kumpi nnyo ne Kuleete.
- 14 Naye oluvannyuma lw'ebiro si bingi omuyaga ogulimu kibuyaga ogwavaayo oguyitibwa Ewulakulo ne gukunta:
- 15 ekyombo bwe kyakwatibwa ne kitayinza kwolekera muyaga, ne tukireka ne tutwalibwa omuyaga.
- 16 Ne tweyuna mu mabbali g'akazinga akayitibwa Kawuda, ne tutegana okukwata eryato:
- 17 bwe baamala okulirinyisa, ne baddira emigwa egy'okunyweza ekyombo ne bakisiba wansi. Bwe baatya okusuulibwa mu Suluti, ne bassa ebyali waggulu, ne batwalibwa omuyaga.
- 18 Bwe twategana ennyo n'omuyaga, ku lunaku olw'okubiri ne basiikulula ebintu,
- 19 era ku lw'okusatu ne basuula n'emikono gyabwe ebitwala ekyombo.
- 20 Era enjuba newakubadde emmunyeenye mu naku nnyingi nga tebyaka, era n'omuyaga si mutono ogwatukwata, oluvannyuma essuubi lyonna ery'okulokoka ne lituggwaamu.
- 21 Enjala bwe yali ennyingi, awo Pawulo n'alyoka ayimirira wakati waabwe n'agamba nti Kyabagwanira, abasajja, okumpulira obutava mu Kuleete, obutalaba kwonoonekerwa kuno n'okufirwa.
- 22 Era kaakano mbabuulirira okuguma emyoyo; kubanga tewaabe mu mmwe anaafiirwa obulamu n'akatono wabula ekyombo.

- 23 Kubanga we ndi waayimiridde ekiro kino malayika wa Katonda, nze owuwe, gwe mpeereza,
- 24 ng'agamba nti Totya, Pawulo; kikugwanidde okuyimirira awali Kayisaali; era, laba, Katonda akuwadde bonna abagenda awamu naawe.
- 25 Kale mugume emyoyo, abasajja; kubanga nzikiriza Katonda nga kiriba nga bwe yaambye.
- 26 Naye kitugwanidde okusuulibwa ku kizinga.
- 27 Naye ekiro eky'ekkumi n'ebina bwe kyatuuka, nga tusuukundirwa eruuyi n'eruyi mu Aduliya, mu ttumbi abalunnya ne bateebereza nti banaatera okusemberera olukalu;
- 28 ne bagera ne balaba ebifuba amakumi abiri: bwe twagendako katonono, ne bagera nate, ne balaba ebifuba kkumi na bitaano.
- 29 Bwe baatyoka okuseerera awali amayinja, ne basuula amasiika ana ku kiwenda ne balindirira bukye.
- 30 Abalunnya bwe baali baagala okudduka mu kyombo ne bamala okussa eryato mu nnya ng'abagenda okusuula amasiika ku nsanda,
- 31 Pawulo n'agamba omwami n'abaserikale nti Bwe bataabeere bano mu kyombo, mmwe temuuyinze kulokoka.
- 32 Baserikale ne balyoka basala emigwa egy'eryato ne balireka okugenda.
- 33 Awo bwe bwali bunaatera okukya, Pawulo n'abeegayirira bonna okulya ku mmere, ng'agamba nti Leero lunaku lwa kkumi na nnya ze mwakalindirira nga musiiiba ne mutalya kantu.
- 34 Kyenya mbeegayirira okulya ku mmere: kubanga okwo kunaabalokola: kubanga tewaabule luviiiri ku mitwe gyammwe n'omu.
- 35 Bwe yamala okwogera bwatyo n'addira omugaati, ne yeebaliza Katonda mu maaso ga bonna n'agumenyamu n'atanula okulyako.
- 36 Bonna ne baguma emyoyo, nabo ne balyako.
- 37 Ne tuba fenna abaali mu kyombo emyoyo bikumi bibiri mu nsanvu mu mukaaga.
- 38 Bwe baamala okukkuta emmere, ekyombo ne bakiwewula nga basuula eaano mu nnya.
- 39 Bwe bwakya enkya, nga tebamanyi gye bali: naye ne balaba ekikono ekiriko omusenyu; ne bateesa, oba nga kiyinzika, okuseeza omwo ekyombo.
- 40 Ne bakutula amasiika, ne bagaleka mu nnya, mu kiseera ekyo bwe baasumulula emigwa egy'enkasi egoba, ne bawanika ettanga eri mu maaso eri empewo ne boolekera ku ttale.
- 41 Naye bwe baatuuka mu kifo amayengo abiri we gaasisinkana, ne baseeza ekyombo; ensanda n'eseera n'enywera n'etanyeenya, naye ekiwenda ne kizibikuka n'amaanyi g'amayengo.
- 42 Baserikale ne bateesa abasibe battibwe baleme okuwugirira okudduka.
- 43 Naye omwami bwe yayagala okuwonya Pawulo, n'abaziyiza okukola kye bateesezza; n'alagira abaayinza okuwuga okwesuilamu basooke okutuuka ku ttale;
- 44 n'abalala abaasigalawo, abamu ku mpero, n'abamu ku bintu by'ekyombo. Awo bwe batyo bonna ne batuuka ku ttale emirembe.

Essuula 28

- 1 Bwe twamala okulokoka ne tulyoka tutegeera ng'ekizinga kiyitibwa Merita.
- 2 Bannaggwanga ne batukola obulungi obutali bwa bulijjo: kubanga baakuma omuliro, ne batusembeza fenna olw'enkuba eyatonya n'olw'empewo.
- 3 Naye Pawulo bwe yakuaanya omuganda gw'obuku, n'agussa mu muliro, embalasaasa n'evaamu olw'ebbugumu n'emwerippa ku mukono.

- 4 Bannaggwanga bwe baalaba ekyekulula nga kireebeetera ku mukono, ne bagamba bokka na bokka nti Mazima omuntu ono mussi; newakubadde ng'alokose mu nnyanja, omusango tegumuganya kubeera mulamu.
- 5 Naye n'akunkumulira mu muliro ekyekulula n'atabaako kabi.
- 6 Naye bali ne balowooza nti anaazimba oba anaasinduka, okugwa eri nga mufu: naye bwe baalwawo ennyo nga bamutunuulira ne batalaba kibi ky'abaddeko, ne bakyuka ne bagamba nti katonda.
- 7 Waaliwo kumpi n'ekifo ekyo ensuku z'omuntu omukulu w'ekizinga, erinnya ne Pubuliyo: oyo n'atusembeza n'atujjanjabira n'ekisa ennaku ssatu.
- 8 Awo kitaawe wa Pubuliyo yali agalamidde, ng'alwadde omusujja n'ekiddukano ky'omusaayi: Pawulo n'ayingira mw'ali, n'asaba n'amussaako emikono n'amuwonya.
- 9 Ekyo bwe kyakolebwa, abalala nabo abaali ku kizinga abaalina endwadde ne bajja ne bawonyezebwa:
- 10 era abo ne batuwa ekitiibwa kinene; bwe twali tuvaayo ne baleeta ku lyato ebintu bye twetaaga.
- 11 Emyezi esatu bwe gyayitawo, ne tuviirayo mu kyombo eky'e Alegezanderiya, ekyali ku kizinga mu biro eby'omuyaga, akabonero kaakyo Ab'oluganda abalongo.
- 12 Ne tugoba mu Sulakusa ne tumalayo ennaku ssatu:
- 13 ne tuvaayo ne twetooloola ne tutuuka e Regio: bwe waayitawo olunaku lumu, empewo ez'omuggundu ne zikunta, ku lunaku olw'okubiri ne tutuuka e Putiyooli;
- 14 gye twasanga ab'oluganda ne batuyita okumala wamu nabo ennaku musanvu: awo bwe tutyo ne tutuuka e Ruumi
- 15 Ab'oluganda bwe baawulira ebigambo byaffe ne bavaayo okutususinkana mu Katale ka Apiyo ne mu Bisulo Ebisatu: Pawulo bwe yabalabako ne yeebaza Katonda n'aguma omwoyo.
- 16 Bwe twayingira mu Ruumi, Pawulo n'alagirwa okubeera yekka wamu ne sserikale eyali amukuuma.
- 17 Awo bwe waayitawo ennaku ssatu, n'ayita abakulu b'Abayudaaya: bwe baamala okukuaana n'abagamba nti Nze, abasajja ab'oluganda, newakubadde nga saakola kibi ku bantu newakubadde ku mpisa za bajjajjaffe, naye nnasibibwa ne mpeebwayo mu mikono gy'Abaruumi mu Yerusaalemi:
- 18 abo bwe baamala okunkemereza ne baagala okunsumulula, kubanga tewaali nsonga gye ndi ya kunzisa.
- 19 Naye Abayudaaya bwe baagaana, ne mpalirizibwa okujulira Kayisaali, si ng'alina ekigambo okuloopa eggwanga lyaffe.
- 20 Kale olw'ensonga eyo mbayise okundaba n'okwogera nange: kubanga olw'essubi lya Isiraeri nsibiddwa n'olujegere luno.
- 21 Bo ne bamugamba nti Ffe so tetuweebwanga bbaluwa za bigambo byo okuva mu Buyudaaya, so tewali ku b'oluganda eyali azze n'atubuulira oba n'ayogera ekigambo ekibi ku ggwe.
- 22 Naye twagala okuwulira okuva gy'oli by'olowooza: kubanga ebigambo by'enzikiriza eno, tumanyi nti kiwerebwa wonna wonna.
- 23 Ne bamulaga olunaku ne bajja bangi gy'ali mu kisulo; n'abannyonnyola ng'ategeeza obwakabaka bwa Katonda, era ng'abakkirizisa ebigambo bya Yesu mu mateeka ga Musa ne mu bya bannabbi okusooka enkya okutuusa akawungeezi.
- 24 Abamu ne bakkiriza bye yayogera, abamu ne batakkiriza.
- 25 Bwe bataatabagana bokka na bokka, ne bagenda, Pawulo bwe yamala okwogera ekigambo kimu, nti Omwoyo Omutukuvu yagamba bulungi bajjajjammwe mu nnabbi Isaaya
- 26 ng'agamba nti Genda eri abantu bano, oyogere nti Okuwulira muliwulira, ne

mutategeera; Okulaba muliraba, ne muteetegeereza:

- 27 Kubanga omutima gw'abantu bano gusavuwadde, N'amatu gaabwe bawulira bubi, N'amaaso gaabwe bagazibye; Baleme okulaba n'amaaso, N'okuwulira n'amatu, N'okutegeera n'omutima gwabwe, N'okukyuka, Nze okubawonya.
- 28 Kale mutegeere nti obulokozi bwa Katonda buno buweerezebbwa ab'amawanga : nabo balibuwulira.
- 29 Bwe yayogera ebigambo ebyo, Abayudaaya ne bagenda nga bawakana nnyo bokka na bokka.
- 30 N'amalayo emyaka ebiri miramba ewuwe yekka mu nju gye yapangisa, n'asembezanga bonna abajjanga gy'ali,
- 31 ng'abuuliranga obwakabaka bwa Katonda, era ng'ayigirizanga n'obugumu bwonna ebigambo bya Mukama Yesu Kristo, n'ataziyizibwanga.

Abaruumi

Essuula 1

- 1 Pawulo, omuddu wa Yesu Kristo, eyayitibwa okuba omutume, eyayawulirwa enjiri ya Katonda,
- 2 gye yasuubiriza edda mu bannabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu,
- 3 ebigambo ebyogera ku Mwana we, eyazaalibwa mu zzadde lya Dawudi mu mubiri,
- 4 eyalagibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi, mu mwoyo gw'obutukuvu, olw'okuzuukira kw'abafu, Yesu Kristo Mukama waffe,
- 5 eyatuweesa ekisa n'obutume olw'okuwulira okuva mu kukkiriza mu mawanga gonna, olw'erinnya lye;
- 6 era nammwe muli mu bo, abayitibwa okuba aba Yesu Kristo:
- 7 eri bonna abali mu Ruumi, abaagalwa Katonda, abayitibwa okuba abatukuvu: ekisa kibe nammwe n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 8 Okusooka, nneebaza Katonda wange ku bwa Yesu Kristo ku lwammwe mwenna, kubanga okukkiriza kwammwe kubuulirwa mu nsi zonna.
- 9 Kubanga Katonda ye mujulirwa wange, gwe mpeerereza mu mwoyo gwange mu njiri y'Omwana we, bwe njogera ku mmwe obutamala,
- 10 nga nneegayirira bulijjo mu kusaba kwange ndyoke ntambuzibwe bulungi ne kaakano, Katonda bw'ayagala, okujja gye muli.
- 11 Kubanga mbalumirwa okubalaba, ndyoke mbawe ku kirabo eky'omwoyo, mulyoke munywezebwe:
- 12 kwe kusanyukagana awamu nammwe olw'okukkiriza kwammwe n'okwange.
- 13 Era, ab'oluganda, saagala muleme kumanya ng'emirundi mingi nalwoozanga okujja gye muli (ne nziyizibwanga okutuusa kaakano), era ndyoke mbeereko n'ebibala mu mmwe, era nga mu mawanga amalala.
- 14 Abayonaani era ne bannaggwanga, ab'amagezi era n'abasirusiru, bammanja.
- 15 Era kyenya njagala okubabuulira enjiri nammwe abali mu Ruumi nga bwe nnyinza.
- 16 Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokola eri buli akkiriza okusookera Muyudaaya era n'eri Omuyonaani.
- 17 Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa obuva mu kukkiriza okutuusa mu kukkiriza: nga bwe kyawandiikibwa nti Naye omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza.
- 18 Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna n'obutaba na butuukirivu obw'abantu abaziyiza amazima mu butaba na butuukirivu;
- 19 kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri bo: kubanga Katonda yabibalabisa.
- 20 Kubanga ebibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza:
- 21 kubanga, bwe baamanya Katonda, ne batamugulumizanga nga Katonda newakubadde okumwebazanga, naye ne bagobereranga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne guzikirizibwa.
- 22 Bwe beeyita ab'amagezi, so nga baasiruwala,
- 23 ne bawaanyisa ekitiibwa kya Katonda ataggwaawo okufaanana ekifaananyi ky'omuntu aggwaawo, n'eky'ebibuuka n'eky'ebirina amagulu ana n'eky'ebyewalula.
- 24 Katonda kyeyava abawaayo eri obugwagwa mu kwegomba kw'emitima gyabwe, okwonoona ekitiibwa ky'emibiri gyabwe bokka na bokka:
- 25 kubanga amazima ga Katonda baagawaanyisaamu obulimba, ne basinzanga ne

baweerezanga ekitonde okusinga Omutonzi, eyeebazibwa emirembe n'emirembe, Amiina.

- 26 Katonda kyeyava abawaayo eri okukwatibwa okw'ensonyi: kubanga abakazi baabwe baawaanyisa ekikolwa kyabwe eky'obuzaaliranwa ne bakifuula ekitali kya buzaaliranwa:
- 27 era n'abasajja bwe batyo, bwe baaleka ekikolwa eky'omukazi eky'obuzaaliranwa, ne baakanga mu kwegomba kwabwe bokka na bokka, abasajja n'abasajja nga bakolananga ebitasaana, era nga baweewwanga mu bo bokka empeera eyo eyasaanira okwonoona kwabwe.
- 28 Era nga bwe batakkiriza kubeera ne Katonda mu magezi gaabwe, Katonda yabawaayo eri omwoyo ogutakkirizibwa, okukolanga ebitasaana;
- 29 nga bajjudde obutaba na butuukirivu bwonna, obubi, okwegomba, ettima; nga bajjudde obuggya, obussi, okuyomba, obukuusa, enge; abageya,
- 30 abalyolyoma, abakyawa Katonda, ab'ekyejo, ab'amalala, abeenyumiriza, abayiiya ebigambo ebibi, abatawulira bazadde baabwe,
- 31 abatalina magezi, abaleka endagaano, abataagalana, abatalina kusaasira:
- 32 abamanya omusango gwa Katonda, nti abakola ebyo basaanidde kufa, tebabikola bukozi, era naye basiima ababikola.

Essuula 2

- 1 Kyova olema okuba n'eky'okuwoza, ggwe buli muntu anenya: kubanga ky'onenya munno, weenenyeza ddala wekka; kubanga ggwe anenya okola ebyo.
- 2 Era tumanyi ng'okunenya kwa Katonda nga kwa mazima ku abo abakola bwe batyo.
- 3 Ggwe omuntu, anenya abakola bwe batyo naawe n'okola ebyo, olowooza ng'olirokoka mu kunenya kwa Katonda?
- 4 Oba onyoomye obugagga bw'obulungi bwe n'obuwombeefu n'okugumiikiriza, nga tomanyi ng'obulungi bwa Katonda bukuleeta mu kwenenya?
- 5 Naye nga bw'olina obukakanyavu n'omutima oguteenenya, weeterekerera obusungu obuliba ku lunaku olw'obusungu omusango ogw'ensonga gwa Katonda kwe guli-bikkukira;
- 6 alisasula buli muntu ng'ebikolwa bye bwe byali:
- 7 abanoonya ekitiibwa n'ettendo n'obutaggwaawo mu kugumiikiriza nga bakola bulungi alibasasula obulamu obutaggwaawo:
- 8 naye ku abo abayomba n'abatawulira mazima, naye bawulira obutali butuukirivu kulibeera obusungu n'obukambwe,
- 9 okubonyaabonyezebwa n'okulumizibwa ku buli bulamu bw'omuntu akola obubi, okusookera ku Muyudaaya era ne ku Muyonaani:
- 10 naye ekitiibwa n'ettendo n'emirembe ku buli akola obulungi, okusookera ki Muyudaaya era ne ku Muyonaani:
- 11 kubanga Katonda tasosola mu bantu.
- 12 Kubanga bonna abaayonoonanga awatali mateeka, era balibula awatali mateeka: era bonna abaayonoonanga nga balina amateeka, balisilirwa omusango n'amateeka;
- 13 kubanga abawulira obuwulizi amateeka si be batuukirivu eri Katonda, naye abakola eby'ama teeka be baliweebwa obutuukirivu
- 14 kubanga ab'amawanga abatalina mateeka bwe bakola mu buzaaliranwa eby'amateeka, abo, bwe bataba na mateeka, beebeerera amateeka bokka:
- 15 kubanga balaga omulimu gw'amateeka nga gwawandiikibwa mu mitima gyabwe, omwoyo gwabwe nga gutegeeza wamu, n'ebirowoozo byabwe nga biroopagana oba nga biwozagana byokka na byokka;

- 16 ku lunaku Katonda kw' alisalira omusango gw' ebyama by' abantu ng' enjiri yange bw' eri, ku bwa Yesu Kristo.
- 17 Naye ggwe bw' oyitibwa Omuyudaaya, ne weesigama ku mateeka ne weenyumiririza mu Katonda
- 18 n' omanyanya by' ayagala, n' osiima ebisinga obulungi, ng' oyigirizibwa mu mateeka,
- 19 ne weetegeera ggwe okubeera omusaale w' abazibe b' amaaso, omusana gw' abali mu kizikiza,
- 20 omulagirizi w' abatalina magezi, omuyigiriza w' abaana abato ng' olina ekyokulabirako eky' amagezi n' eky' amazima mu mateeka
- 21 kale ggwe ayigiriza omulala teweyigiriza wekka? abuulira obutabbanga, obba?
- 22 ayogera obutayendanga, oyenda? akyawa ebifaananyi, obba eby' omu biggwa
- 23 eyeenyumiririza mu mateeka olw' okusobya amateeka oswaza Katonda?
- 24 Kubanga erinnya lya Katonda livvoolebwa mu b' amawanga ku lwammwe, nga bwe kyawandiikibwa.
- 25 Kubanga okukomolebwa kugasa bw' okwata amateeka: naye bw' oba omusobya w' amateeka okukomolebwa kwo kufuuse butakomolebwa.
- 26 Kale atali mukomole bw' akwata ebiragirow ebiri mu mateeka, obutakomolebwa bwe tebulibalibwa kuba kukomolebwa?
- 27 era atali mukomole mu buzaaliranwa, bw' atuukiriza amateeka, alikusalira musango ggwe, omusobya w' amateeka, ng' olina ennukuta n' okukomolebwa?
- 28 Kubanga Omuyudaaya ow' okungulu si ye Muyudaaya; so n' okukomolebwa kw' omubiri okw' okungulu si kwe kukomolebwa:
- 29 naye Omuyudaaya ow' omunda ye Muyudaaya; n' okukomolebwa kwe kw' omutima, mu mwoyo, si mu nnukuta; atatenderezebwa bantu, wabula Katonda.

Essuula 3

- 1 Kale Omuyudaaya asinga atya? oba n' okukomolebwa kugasa ki?
- 2 Kugasa nnyo mu bigambo byonna: eky' olubereberye kubanga baateresebwa Katonda bye yayogera.
- 3 Kubanga kiba ki abamu bwe bataba na kukkiriza, obutakkiriza bwabwe buliggyawo obwesigwa bwa Katonda?
- 4 Kitalo: nedda, Katonda abeerenga wa mazima, naye buli muntu abeerenga mulimba; nga bwe kyawandiikibwa nti Obeere n' obutuukirivu mu bigambo byo, Osinge bw'osalirwa omusango.
- 5 Naye obutali butuukirivu bwaffe bwe butenderezesa obutuukirivu bwa Katonda, tunaayogera tutya? Katonda talina butuukirivu aleeta obusungu? (Njogera mu buntu.)
- 6 Kitalo: kubanga, (bwe kiba bwe kityo), Katonda alisalira atya ensi omusango?
- 7 Naye amazima ga Katonda bwe geeyongera okulabika olw' obulimba bwange ye n' aweebwa ekitiibwa, nze kiki ekinsaliza omusango nate ng' omwonoonyi
- 8 era kiki ekitulobera okwogera (nga bwe tuwaayirizibwa, era ng' abamu bwe boogera nti tugamba) nti Tukolenga ebibi, ebirungi biryoke bijje? abo okusalirwa omusango kwa nsonga.
- 9 Kale kiki? ffe zisanze okusinga bo? Nedda n' akatono: kubanga tusoose okuwawaabira Abayudaaya era n' Abayonaani nti bonna bafugibwa kibi;
- 10 nga bwe kyawandiikibwa nti Tewali mutuukirivu n' omu;
- 11 Tewali ategeera, Tewali anoonya Katonda;
- 12 Bonna baakyama, baafuuka batasaana wamu; Tewali akola obulungi, tewali n' omu;
- 13 Omumiro gwabwe ye ntaana eyasaamiridde; Balimba n' ennimi zaabwe; Obusagwa bw' embalasaasa buli wansi w' emimwa gyabwe:

- 14 Akamwa kaabwe kajjudde okukolima n'okukaawa:
- 15 Ebigere byabwe byanguwa okuyiwa omusaayi;
- 16 Okuzikirira n'obunaku biri mu makubo gaabwe;
- 17 So tebamanyanga kkubo lya mirembe:
- 18 Tewali kutya Katonda mu maaso gaabwe.
- 19 Naye tumanyi nga byonna amateeka bye googera, gagamba abo abalina amateeka; buli kamwa konna kazibibwe, n'ensi zonna zibeereko omusango eri Katonda:
- 20 kubanga olw'ebikolwa by'amateeka alina omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge: kubanga amateeka ge gamanyisa ekibi.
- 21 Naye kaakano awatali mateeka obutuukirivu bwa Katonda, obutegeezebwa amateeka ne bannabbi, bulabisibwa;
- 22 bwe butuukirivu bwa Katonda olw'okukkiriza Yesu Kristo eri bonna abakkiriza; kubanga tewali njawulo;
- 23 kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda;
- 24 naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Kristo Yesu:
- 25 Katonda gwe yassaawo okuba omutango, olw'okukkiriza omusaayi gwe, okulaga obutuukirivu bwe, olw'okuleka ebibi ebyakolebwanga edda, Katonda ng'agumiikiriza;
- 26 okulaga obutuukirivu bwe mu biro bino: alyoke abeere omutuukirivu era ng'awa obutuukirivu akkiriza Yesu.
- 27 Kale okwenyumiriza kuli luuyi wa? Kwaziyizibwa. Kwaziyizibwa n'amateeka gafaanana gaty'a? ga bikolwa? Nedda: naye n'amateeka ga kukkiriza.
- 28 Kyetuva tubala ng'omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza awatali bikolwa bya mu mateeka.
- 29 Oba Katonda, Katonda wa Bayudaaya? era si Katonda wa ba mawanga? Weewaawo, era wa ba mawanga:
- 30 oba nga Katonda ali omu, aliwa obutuukirivu abakomole olw'okukkiriza, n'abatali bakomole olw'okukkiriza.
- 31 Kale amateeka tugaggyawo olw'okukkiriza? Kitalo: nedda, tuganyweza bunyweza.

Essuula 4

- 1 Kale kiki kye tunaayogera Ibulayimu jjajjaffe mu mubiri kye yalaba.
- 2 Kubanga Ibulayimu singa yaweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa, singa alina ekimwenyumirizisa; naye talina mu maaso ga Katonda.
- 3 Kubanga ebyawandiikibwa byogera bitya? Ibulayimu n'akkiriza Katonda, ne kumubalirwa okuba obutuukirivu.
- 4 Kale, omukozi empeera ye temubalirwa lwa kisa, naye ng'ebbanja.
- 5 Naye atakola, kyokka n'akkiriza oyo awa obutuukirivu abatatya Katonda, okukkiriza kwe kumubalirwa okuba obutuukirivu.
- 6 Era nga Dawudi bw'ayogera omukisa gw'omuntu, Katonda gw'abalira obutuukirivu awatali bikolwa, nti
- 7 Baweereddwa omukisa abaggibwako ebyonoona byabwe, Ebibi byabwe byabikkibwako.
- 8 Aweereddwa omukisa omuntu Mukama gw'atalibalira kibi.
- 9 Kale omukisa ogwo guli ku bakomole bokka, oba nantiki ku abo abatali bakomole? Kubanga tugambye nti okukkiriza kwe kwabalirwa Ibulayimu okuba obutuukirivu.
- 10 Kale kwabalirwa kutya? bwe yali ng'akomoleddwa, nantiki bwe yali nga tannakomolebwa? si bwe yali ng'akomoleddwa, naye nga tannakomolebwa:

- 11 n'aweewba ekyokulabirako eky'okukomolebwa, akabonero k'obutuukirivu obw'okukkiriza kwe yalina nga tannakomolebwa: alyoke abeerenga jjajjaabwe bonna abakkiriza nga si bakomole, babalirwenga obutuukirivu;
- 12 era ne jjajja w'abakomole, so si w'abo abakomole obukomozi, naye, abatambulira mu bigere by'okukkiriza kwa jjajjaffe Ibulayimu kwe yalina nga tannakomolebwa.
- 13 Kubanga okusuubiza tekwaweerwa Ibulayimu newakubadde ezzadde lye mu mateeka, nti alibeera musika wa nsi zonna, wabula mu butuukirivu abw'okukkiriza.
- 14 Kubanga ab'omu mateeka singa be basika, okukkiriza singa kudibye, era n'okusuubiza singa kuggiddwawo:
- 15 kubanga amateeka galeeta obusungu; naye awatali mateeka, era tewabaawo kwonoona.
- 16 Kyekuva kuva mu kukkiriza, kulyoke kubeerenga kwa kisa, okusuubiza kulyoke kunywere eri ezzadde lyonna, si eri ab'omu mateeka bokka, naye era n'eri ab'omu kukkiriza kwa Ibulayimu, ye jjajjaffe fenna
- 17 (nga bwe kyawandiikibwa nti Nkufudde jjajja w'amawanga amangi) mu maaso g'oyo gwe yakkiriza, ye Katonda, azuukiza abafu, era ayita ebitaliiwo ng'ebiriwo.
- 18 Eyakkiriza mu ssuubi awatasuubirikika, alyoke abeerenga jjajja w'amawanga amangi, nga bwe kyayogerwa nti Ezzadde lye liriba bwe lityo.
- 19 N'atanafuwa mu kukkiriza bwe yalowooza omubiri gwe ye nga gufudde (nga yaaka-mala emyaka nga kikumi), n'olubuto lwa Saala nga lufudde:
- 20 naye mu kusuubiza kwa Katonda teyabuusabuusa mu butakkiriza, naye n'afuna amaanyi olw'okukkiriza, ng'agulumiza Katonda,
- 21 era ng'ategeerera ddala nga bye yasubiza era ayinza n'okubikola.
- 22 Era kyekwava kumubalirwa okuba obutuukirivu.
- 23 Naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti kwamubalirwa;
- 24 naye era ne ku lwaffe, abagenda okubalirwa, abakkiriza oyo eyazuukiza Yesu Mukama waffe mu bafu,
- 25 eyaweewwayo olw'ebyonoono byaffe n'azuukira olw'okutuweesa obutuukirivu.

Essuula 5

- 1 Kale bwe twaweewba obutuukirivu olw'okukkiriza, tubeerenga n'emirembe eri Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo,
- 2 era eyatuweesa olw'okukkiriza okutuuka mu kisa kino kye tuyimiriddemu; era twenyumirizenga olw'okusuubira ekitiibwa kya Katonda.
- 3 So si ekyo kyokka, era naye twenyumirizenga mu kubonaabona kwaffe, nga tumanyi ng'okubonaabona kuleeta okugumiikiriza;
- 4 nate okugumiikiriza kuleeta okukemebwa nate okukemebwa kuleeta okusuubira:
- 5 nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, ku bw'Omwoyo Omutukuvu gwe twaweewba.
- 6 Kubanga bwe twali nga tukyali banafu, mu ntuuko ze Kristo yafiirira abatatya Katonda.
- 7 Kubanga kizibu omuntu okufiirira omutuukirivu; kubanga omulungi mpozzi omuntu aguma n'okumufiirira.
- 8 Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira.
- 9 Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweewba obutuukirivu olw'omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe.
- 10 Kuba obanga bwe twali tukyali balabe, twatabaganyizibwa ne Katonda olw'okufa kw'Omwana we, okusinga ennyo bwe twatabaganyizibwa tulirokoka olw'obulamu

bwe;

- 11 so si ekyo kyokka, era naye nga twenyumiririza mu Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo, atuweesezza kaakano okutabagana.
- 12 Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna kubanga bonna baayonoona:
- 13 kubanga okutuusa ku mateeka ekibi kyali mu nsi: naye ekibi tekibalibwa, awataba mateeka.
- 14 Naye okufa kwafuga okuva ku Adamu okutuusa ku Musa, era ne ku abo abataasobya ng'engeri ey'okwonoona kwa Adamu, ye kye kifaananyi ky'oyo agenda okujja.
- 15 Naye ng'okwonoona kuli bwe kwali, era n'ekirabo tekyali bwe kityo. Kuba obanga olw'okwonoona kw'omu abaafa bangi, okusinga ennyo ekisa kya Katonda n'ekirabo olw'ekisa ky'omuntu oli omu Yesu Kristo kyasukkirira okubuna abangi.
- 16 Era nga bwe kwajja ku bw'omu eyayonoona, ekirabo tekyali bwe kityo: kubanga omusango gwava ku omu okusinga, naye ekirabo ne kiva mu byonoona ebingi okuweesa obutuukirivu.
- 17 Kuba obanga olw'okwonoona kw'omu okufa kwafuga ku bw'omu, okusinga ennyo abo abaweabwa ekisa ekisukkirivu n'ekirabo eky'obutuukirivu balifugira mu bulamu ku bw'oyo omu Yesu Kristo.
- 18 Kale bwe kityo ng'olw'okwonoona kw'omu omusango bwe gwasinga abantu bonna bwe kityo n'olw'obutuukirivu bw'omu ekirabo kyali ku bantu bonna okuweesa obutuukirivu bw'obulamu.
- 19 Kuba ng'olw'obutawulira bw'omuntu omu oli abangi bwe baafut ka ababi, bwe kityo n'olw'okuwulira kw'oyo omu abangi balifuuka abatuukirivu.
- 20 Era n'amateeka ne gayingira, okwonoona kusukkirire; naye ekibi bwe kyasukkirira ekisa ne kisinga okusukkirira
- 21 ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa era n'ekisa bwe kityo kiryoke kifuge olw'obutuukirivu okuweesa obulamu obutaggwaawo, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe.

Essuula 6

- 1 Kale tunaayogeza tutya? Tunyiikirenga okukola ekibi ekisa kyeyongerenga?
- 2 Kitalo. Abaafa ku kibi, tunaabeeranga tutya abalamu mu kyo nate?
- 3 Oba temumanyi nga ffe fenna, abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu nga twabatizibwa kuyingira mu kufa kwe?
- 4 Kyetwava tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu kufa: nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggya.
- 5 Kuba obanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky'okufa kwe, era tuligattibwa ne mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe
- 6 bwe tumanya kino ng'omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu naye, omubiri gw'ekibi gulyoke guggibwewo, tuleme okubeeranga nate abaddu b'ekibi;
- 7 kubanga afa nga takyaliko musango eri ekibi.
- 8 Naye oba nga twafiira wamu ne Kristo, era tukkiriza nga tulibeera balamu wamu naye;
- 9 bwe tumanyi nga Kristo yamala okuzuukizibwa mu bafu takyafa nate; okufa tekukya-mufuga.
- 10 Kubanga okufa kwe yafa yafa ku kibi omulundi gumu: naye obulamu bw'alina, ali nabwo eri Katonda.
- 11 Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okubeera abafa ku kibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu.

- 12 Kale ekibi kiremenga okufuga nu mubiri gwammwe ogufa, okuwuliranga okwegomba kwagwo:
- 13 so temuwangayo bitundu byammwe eri ekibi okubanga eby'okukoza obutali butuukirivu; naye mwewengayo eri Katonda, ng'abaamu abaava mu bafu, n'ebitundu byammwe okubanga eby'okukoza obutuukirivu eri Katonda.
- 14 Kubanga ekibi tekiibenga mukama wammwe; kubanga amateeka si ge gabafuga, wabula ekisa.
- 15 Kale tukole tutya? tukolenga ekibi, kubanga amateeka si ge atufuga, wabula ekisa? Kitalo.
- 16 Temumanyi nga gwe mwewa okuba abaddu b'okuwulira, muli baddu b'oyo gwe muwulira, oba ab'ekibi okuleeta okufa, oba ab'okuwulira okuleeta obutuukirivu?
- 17 Naye Katonda yeebale, kubanga mwabanga baddu ba kibi, naye mwawulira mu mutima engeri eyo y'okuyigirizibwa gye mwaweebwa;
- 18 kale bwe mwaweebwa eddembe kuva mu kibi, ne mufuuka abaddu b'obutuukirivu.
- 19 Njogera mu buntu olw'obunafu bw'omubiri gwammwe: kuba nga bwe mwawangayo ebitundu byammwe okuba baddu eri obugwagwa n'eri obuuseumu okujeemanga, bwe mutyo kaakano muwengayo ebitundu byammwe okubanga abaddu eri obutuukirivu okutukuzibwa.
- 20 Kubanga bwe mwabanga abaddu b'ekibi, mwabanga ba ddembe eri obutuukirivu.
- 21 Kale bibala ki bye mwalina mu biro biri eby'ebigambo ebibakwasa ensonyi kaakano? kubanga enkomerero yaabyo kufa.
- 22 Naye kaakano bwe mwaweebwa eddembe okuva mu kibi, ne mufuuka abaddu ba Katonda, mulina ebibala byammwe olw'okutukuzibwa, n'enkomerero bulamu obutaggwaawo.
- 23 Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaavo mu Kristo Yesu Mukama waffe.

Essuula 7

- 1 Oba temumanyi, ab'oluganda (kubanga amba abategeera amateeka), ng'amateeka gafuga omuntu ng'akyali mulamu?
- 2 Kubanga omukazi afugibwa bba ng'akyali mulamu; naye bba bw'afa, ng'asumulud-dwa mu mateeka ga bba.
- 3 Kale bwe kityo bba bw'aba ng'akyali mulamu bw'anaabanga n'omusajja omulala, anaayitibwanga mwenzi: naye bba bw'afa, nga wa busa eri amateeka, obutaba mwenzi bw'aba n'omusajja omulala.
- 4 Bwe kityo, baganda bange, era nammwe mwafa ku mateeka olw'omubiri gwa Kristo, mubeere n'omulala, ye oyo eyazuukizibwa mu bafu, tulyoke tubalirenga Katonda ebibala.
- 5 Kubanga bwe twabanga mu mubiri, okwegomba okubi, okuliwo olw'amateeka, kwakolanga mu bitundu byaffe okubaliranga okufa ebibala.
- 6 Naye kaakano twasumululwa mu mateeka, bwe twafa ku ekyo ekyabanga kitufuga, ffe tubeerenga abaddu mu buggya obw'omwoyo, so si mu nnukuta ez'edda.
- 7 Kale tunaayogera tutya? Amateeka kye kibi? Kitalo. Naye ssanditegedde kibi, wabula mu mateeka: kubanga ssaadimanye kwegomba, singa amateeka tegaayogera nti Teweegombanga:
- 8 naye ekibi bwe kyalaba we kiyima, ne kikolanga mu nze olw'amateeka okwegomba kwonna: kubanga awataba mateeka ekibi nga kifudde.
- 9 Nange edda nnabanga mulamu awatali mateeka: naye ekiragiro bwe kyajja, ekibi ne kizuukira, nange ne nfa;

- 10 n'ekiragiwo ekyali eky'okuleeta obulamu, ekyo ne kirabika gye ndi eky'okuleeta okufa:
- 11 kubanga ekibi, bwe kyalaba we kiyima olw'ekiragiwo, ne kinnimba, ne kinzita olw'ekyo.
- 12 Bwe kityo amateeka matukuvu, n'ekiragiwo kitukuvu, kituukirivu, kirungi.
- 13 Kale ekirungi kyafuuka kufa gye ndi? Kitalo. Naye ekibi kirabike okuba ekibi, kubanga kye kyandeetera okufa olw'ekirungi; ekibi kiryoke kyeyongerenga okubeera ekibi olw'ekiragiwo.
- 14 Kubanga tumanyi ng'amateeka ge g'omwoyo: naye nze ndi wa mubiri, natundibwa okufugibwanga ekibi.
- 15 Kubanga kye nkola, ssikimanyi; kubanga kye njagala si kye nkola; naye kye nkyawa kye nkola.
- 16 Naye oba nga kye ssaagala kye nkola, nzikiriza amateeka nga malungi.
- 17 Kale kaakano si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze.
- 18 Kubanga mmanyi nga mu nze, gwe mubiri gwange, temutuula kirungi: kubanga okwagala kumbeera kumpi, naye okukola ekirungi tewali.
- 19 Kubanga kye njagala ekirungi ssikikola: naye kye ssaagala ekibi kye nkola.
- 20 Naye oba nga kye ssaagala kye nkola, si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze.
- 21 Bwe kityo ndaba etteeka nti nze bwe njagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi.
- 22 Kubanga nsanyukira amateeka ga Katonda mu muntu ow'omunda:
- 23 naye ndaba etteeka eddala mu bitundu byange nga lirwana n'etteeka ly'amagezi gange, era nga lindeeta mu bufuge wansi w'etteeka ly'ekibi eriri mu bitundu byange.
- 24 Nze nga ndi muntu munaku! ani alindokola mu mubiri ogw'okufa kuno?
- 25 Nneebaza Katonda ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. Kale bwe kityo nze nzekka mu magezi ndi muddu wa mateeka ga Katonda, naye mu mubiri wa tteeka lya kibi.

Essuula 8

- 1 Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu.
- 2 Kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu tteeka ly'ekibi n'ery'okufa.
- 3 Kubanga amateeka kye gatayinza, kubanga manafu olw'omubiri, Katonda, bwe yatuma Omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri:
- 4 obutuukirivu bw'amateeka bulyoke butuukirizibwe mu ffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula omwoyo.
- 5 Kubanga abagoberera omubiri, balowooza bya mubiri: naye abagoberera omwoyo, bya mwoyo.
- 6 Kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'omwoyo bwe bulamu n'emirembe:
- 7 kubanga okulowooza kw'omubiri bwe bulabe eri Katonda; kubanga tekufugibwa mateeka ga Katonda, kubanga n'okuyinza tegakuyinza:
- 8 n'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa Katonda.
- 9 Naye mmwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo, oba ng'Omwoyo gwa Katonda atuula mu mmwe. Naye omuntu bw'ataba na Mwoyo gwa Kristo, oyo si wuwe.
- 10 Era oba nga Kristo ali mu mmwe, omubiri nga gufudde olw'ekibi; naye omwoyo bwe bulamu olw'obutuukirivu.
- 11 Naye oba nga Omwoyo gw'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo Yesu mu bafu, era n'emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku

- bw'Omwoyo gwe atuula mu mmwe.
- 12 Kale nno, ab'oluganda, tulina ebbanja: omubiri si gwe gutubanja, okugobereranga omubiri:
 - 13 kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa; naye bwe munaafiisanga ebikolwa by'omubiri olw'Omwoyo, muliba balamu.
 - 14 Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda.
 - 15 Kubanga temwaweebwa nate mwoyo gwa buddu okutya, naye mwaweebwa Omwoyo ow'okufuuka abaana, atukaabya nti Abba, Kitaffe.
 - 16 Omwoyo yennyini wamu n'omwoyo gwaffe ategeeza nga tuli baana ba Katonda:
 - 17 naye bwe tuli abaana, era tuli basika: abasika ba Katonda, era abasikira awamu ne Kristo; bwe tubonaabonera awamu, era tulyoke tuweerwe wamu ekitiibwa.
 - 18 Kubanga ngera ng'okubonaabona okw'omu biro bya kaakati nga tekutuuka kwenkanyaankanya n'ekitiibwa ekigenda okutubikkulirwa ffe.
 - 19 Kubanga okutunuulira ennyo okw'ebitonde kulindirira okubikkulirwa kw'abaana ba Katonda.
 - 20 Kubanga ebitonde byateekebwa okufugibwa obutaliimu, si lwa kwagala kwabyo wabula ku bw'oyo eyabifugisa, mu kusuubira nti
 - 21 era n'ebitonde byennyini nabyo biriweebwa eddembe okuva mu kufugibwa okuvunda okuyingira mu ddembe ery'ekitiibwa ky'abaana ba Katonda.
 - 22 Kubanga tumanyi ng'ebitonde byonna bisinda era birumirwa wamu okutuusa kaakano.
 - 23 Era si ekyo kyokka, naye era naffe, abalina ebibala ebibereberye eby'Omwoyo, era naffe tusinda munda yaffe, nga tulindirira okufuuka abaana, kwe kununulibwa kw'omubiri gwaffe.
 - 24 Kubanga twalokoka lwa kusuubira: naye ekisuubirwa ekirabika si kusuubira: kubanga ani asuubira ky'alabako?
 - 25 Naye bwe tusuubira kye turalabako, tukirindirira n'okugumiikiriza.
 - 26 Era bwe kityo Omwoyo atubeera obunafu bwaffe: kubanga tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira: naye Omwoyo yennyini atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka;
 - 27 naye akebera emitima amanyi okulowooza kw'Omwoyo bwe kuli, kubanga awolereza abatukuvu nga Katonda bw'ayagala.
 - 28 Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi.
 - 29 Kubanga bwe yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi:
 - 30 era be yayawula edda, abo era yabayita: era be yayita, yabawa abo era obutuukirivu: era be yawa obutuukirivu, yabawa abo era ekitiibwa.
 - 31 Kale tunaayogera tutya ku ebyo? Katonda bw'abeera ku lwaffe, omulabe waffe ani?
 - 32 Ataagaana Mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe fenna, era talitugabira bintu byonna wamu naye?
 - 33 Ani aliroopa abalonde ba Katonda? Katonda abawa obutuukirivu:
 - 34 ani alibasalira omusango? Kristo Yesu eyafa, oba okusinga eyazuukira, ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, era atuwolereza.
 - 35 Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? kulaba nnaku, oba kulumwa, oba kuyiganyizibwa, oba njala, oba kuba bwereere, oba kabi, oba kitala?
 - 36 Nga bwe kyawandiikibwa nti Tuttibwa obudde okuziba, okutulanga ggwe: Twabalibwa ng'endiga ez'okusalibwa.
 - 37 Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.
 - 38 Kubanga ntegeeredde ddala nga newakubadde okufa, newakubadde obulamu, newakubadde bamalayika, newakubadde abafuga, newakubadde ebiriwo,

newakubadde ebigena okubaawo, newakubadde amaanyi,
39 newakubadde obugulumivu, newakubadde okugenda wansi, newakubadde ekitonde
kyonna ekirala, tebiyinzenga kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu
Kristo Yesu Mukama waffe.

Essuula 9

- 1 Njogera amazima mu Kristo sirimba, omwoyo gwange nga guntegeereza mu Mwoyo Omutuukuvu,
- 2 nga nnina ennaku nnyingi n'okulumwa okutamala mu mutima gwange.
- 3 Kubanga nandyagadde nze mwene okukolimirwa Kristo olwa baganda bange, ab'ekika kyange mu mubiri:
- 4 be Baisiraeri abaweebwa okufuuka abaana, n'ekitiibwa, n'endagaano, n'okuteekerwa amateeka, n'okuweerezanga Katonda, n'ebyasuubizibwa;
- 5 abalina bajjajja abo, era omwava Kristo mu mubiri, afuga byonna, Katonda atenderezebwa emirembe gyonna. Amiina.
- 6 Naye si kubanga ekigambo kya Katonda kyavaawo. Kubanga abava mu Isiraeri, si ba Baisiraeri bonna:
- 7 so si kubanga lye z zadde lya Ibulayimu, kyebava babeera abaana bonna: naye, mu Isaaka ezzadde lyo mwe linaayitirwanga.
- 8 Kwe kugamba nti abaana ab'omubiri, abo si be baana ba Katonda; naye abaana b'okusuubiza be babalibwa okuba ezzadde.
- 9 Kubanga ekigambo kino kye ky'okusuubiza, nti Ng'ebiro ebyo bwe biri ndijja, ne Saala aliba n'omwana.
- 10 Naye si ekyo kyokka; era naye ne Lebbeeka bwe yalina olubuto olw'omu, Isaaka jjajjaffe
- 11 kubanga nga tebannazaalibwa, so nga tebannakola kirungi oba kibi, okuteesa kwa Katonda mu kulonda kulyoke kunywere, si lwa bikolwa, wabula ku bw'oyo ayita,
- 12 n'agambibwa nti Omukulu aliba muddu wa muto.
- 13 Nga bwe kyawandiikibwa ne Yakobo n'amwagala, naye Essawa n'amukyawa.
- 14 Kale tunaayogera tutya? Obutali butuukirivu buli eri Katonda? Kitalo.
- 15 Kubanga agamba Musa nti Ndisaasira gwe ndisaasira, gwe ndikwatirwa ekisa gwe ndikwatirwa ekisa.
- 16 Kale bwe kityo si ky'oyo ayagala newakubadde addukana, wabula kya Katonda asaasira.
- 17 Kubanga ebyawandiikibwa bigamba Falaawo nti Kyennava nkuyimiriza, ndyoke njoleseze amaanyi gange mu ggwe, era erinnya lyange liryoke libuulirwe mu nsi zonna.
- 18 Kale bwe kityo asaasira gw'ayagala okusaasira, era akakanyaza gw'ayagala okukakanyaza.
- 19 Kale onoamba nti Kiki ekimunenyesa nate? Kubanga ani aziyiza by'ayagala?
- 20 Naye ekisinga, ggwe omuntu, ggwe ani awakana ne Katonda? Ekibumbe kirigamba eyakibumba nti Kiki ekyakunzoza bw'oti?
- 21 Oba omubumbi talina buyinza ku bbumba, mu kitole kimu okukola ekibya kimu eky'ekitiibwa, n'ekirala eky'ensonyi?
- 22 Kiki, oba nga Katonda bwe yayagala okulaga obusungu bwe, n'okumanyisa obuyinza bwe, yagumiikiriza n'okulindirira ennyo ebibya eby'obusungu ebyateekerwateekerwa okuzikirira:
- 23 alyoke amanyise obugagga obw'ekitiibwa kye ku bibya eby'okusaasirwa, bye yateekerateekera edda ekitiibwa,

- 24 ye ffe, n'okuyita be yayita, si mu Bayudaaya bokka, era naye ne mu b'amawanga?
- 25 Era nga bw'ayogera mu Koseya nti Ndibayita abantu bange, abatali bantu bange; Era ataayagalwa, ayagaliddwa.
- 26 Awo mu kifo kye baagambirwamu nti Mmwe temuli bantu bange, Mwe baliyitirwa abaana ba Katonda omulamu.
- 27 Era Isaaya ayogerera waggulu ebya Isiraeri nti Omuwendo gw'abaana ba Isiraeri oba guliba ng'omusenyu gw'ennyanya, ekitundu ekirisigalawo kye kirokoka:
- 28 kubanga Mukama alikola ekigambo kye ku nsi, ng'akituukiriza era ng'akisalako.
- 29 Era nga Isaaya bwe yasooka okwogera nti Singa Mukama Ow'eggye teyatulekerawo zzadde, Twandifuuse nga Sodomu, era twandifaanayizibwa nga Ggomola.
- 30 Kale tunaayogera tutya? Nti ab'amawanga, abataagobereranga butuukirivu, baatuuka ku butuukivu, bwe butuukirivu obuva mu kukkiriza;
- 31 naye Isiraeri, mu kugobereranga amateeka ag'obutuukirivu, teyatuka ku mateeka gali.
- 32 Lwaki? Kubanga tebaabugobereranga nga bayima mu kukkiriza, wabula nga mu bikolwa. Beesittala ku jinja eryo eryesittalwako:
- 33 nga bwe kyawandiikibwa nti Laba, nteeka mu Sayuuni ejinja eryesittalwako n'olwazi olugwisa: Era akkiriza oyo talikwasibwa nsonyi.

Essuula 10

- 1 Ab'oluganda, kye njagala mu mutima gwange era kye nsaba Katonda ku lwabwe kye kino, balokoke.
- 2 Kubanga mbategeeza nga balina okunyiikirira Katonda, naye si mu kutegeera.
- 3 Kubanga bwe batamanya butuukirivu bwa Katonda, era bwe bagezaako okutereza obutuukirivu bwabwe bo bennyini, tebagondera butuukirivu bwa Katonda.
- 4 Kubanga Kristo ye nkomerero y'amateeka olw'okuweesa obutuukirivu buli akkiriza.
- 5 Kubanga Musa awandiika obutuukirivu obuva mu mateeka nti abukola ye aliba omulamu mu bwo.
- 6 Naye obutuukirivu obuva mu kukkiriza bwogera bwe buti nti Toyogeranga mu mutima gwo nti Ani alirinnya mu ggulu? (kwe kuleeta Kristo wansi;)
- 7 newakubadde nti Ani alikka emagombe? (kwe kulinyisa Kristo okuva mu bafu.)
- 8 Naye bwogera butya? Nti, Ekigambo kiri kumpi naawe, mu kamwako, ne mu mutima gwo: kye kigambo eky'okukkiriza kye tubuulira:
- 9 kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka:
- 10 kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka.
- 11 Kubanga ebyawandiikibwa byogera nti Buli amukkiriza talikwasibwa nsonyi.
- 12 Kubanga tewali njawulo ya Muyudaaya na Muyonaani: kubanga omu ye Mukama waabwe bonna, ye mugagga eri abo bonna abamukaabirira:
- 13 kubanga, Buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka.
- 14 Kale balikaabirira batya gwe batannakkiriza? era balikkiriza batya gwe batannawulirako? era baliwulira batya awatali abuulira?
- 15 era balibuulira batya nga tebatumiddwa? nga bwe kyawandiikibwa nti Ebigere byabwe nga birungi nnyo ababuulira enjiri ey'ebirungi!
- 16 Naye tebaagondera njiri bonna. Kubanga Isaaya ayogera nti Mukama, ani eyakkiriza ekigambo kyaffe?
- 17 Kale okukkiriza kuva mu kuwulira, n'okuwulira mu kigambo kya Kristo.
- 18 Naye njogera nti Tebawuliranga? Weewaawo, ddala, Eddoboozi lyabyo lyabuna mu

nsi zonna, N'ebigambo byabyo okutuuka ku nkomerero z'ensi.

- 19 Naye njogera nti Isiraeri tamanyanga? Musa ye yasooka okwogera nu Ndibakwasa obuggya eri abatali ba ggwanga, Eri eggwanga eritalina magezi ndibasunguwaza.
- 20 Era Isaaya aguma nnyo n'ayogera nti Navumbulibwa abo abatannonyanga, Nalagibwa eri abo abatambuulirizangako.
- 21 Naye eri Isiraeri ayogera nti Obudde okuziba nagololera emikono gyange abantu abatawulira era abagaana.

Essuula 11

- 1 Kale njogera nti Katonda yagoba abantu be? Kitalo. Kubanga era nange ndi Muisiraeri, wa mu zzadde lya Ibulayimu, wa mu kika Kya Benyamini.
- 2 Katonda teyagoba bantu be, be yamanya edda. Oba temumanyi ebya Eriya ebyawandiikibwa bwe byogera? bwe yasaba Katonda ng'ayogera ku Baisiraeri nti
- 3 Mukama, batta bannabbi bo, ne basuula ebyoto byo: nange nfisseewo nzekka, era banoonya obulamu bwange.
- 4 Naye okuddamu kwa Katonda kumugamba kutya? Nti Nze nneefissirizzaawo abasajja kasanvu, abatafukaamiriranga Baali.
- 5 Kale bwe kityo era ne mu biro bino waliwo ekitundu ekyafikkawo mu kulonda okw'ekisa.
- 6 Naye oba nga lwa kisa, si lwa bikolwa nate: oba nga si bwe kityo, ekisa si kisa nate.
- 7 Kale tukole tutya? Isiraeri kye yanoonya, teyakiraba; naye abaalondebwa baakiraba, abalala ne bakakanyazibwa:
- 8 nga bwe kyawandiikibwa nti Katonda yabawa omwoyo ogw'okubongoota, amaaso ag'obutalaba, n'amatu ag'obutawulira, okutuusa ku lunaku lwa leero.
- 9 Era Dawudi ayogera nti Emmeeza yaabwe ebafuukire akakunizo n'ekigu, N'enkonge, n'empeera gye bali:
- 10 Amaaso gaabwe gasiikirizibwe obutalaba, Era obakutamyenga omugongo gwabwe bulijjo.
- 11 Kale njogera nti Kyebaava beesittala balyoke bagwe? Kitalo: naye olw'okwonoona kwabwe obulokozi kyebwava bujja eri ab'amawanga, okubakwasa obuggya.
- 12 Naye oba ng'okwonoona kwabwe bwe bugagga bw'ensi, n'okuweebuuka kwabwe bwe bugagga bw'ab'amawanga; okutuukirira kwabwe tekusinga nnyo?
- 13 Naye mbagamba mmwe ab'amawanga. Kale kubanga nze ndi mutume wa b'amawanga, ngulumiza okuweereza kwange:
- 14 bwe ndiraba ekigambo kyonna kye ndikwasisa obuggya ab'omubiri gwange, ne ndokola abamu mu bo.
- 15 Kuba oba ng'okugobebwa kwabwe kwe kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kiki, wabula obulamu mu bafu?
- 16 Era ebibala ebibereberye bwe biba ebitukuvu, era n'ekitole kitukuvu: era ekikolo bwe kiba ekitukuvu, era n'amatabi matukuvu.
- 17 Naye oba ng'amatabi agamu gaawogolebwa, naawe, eyali omuzeyituuni ogw'omu nsiko, wasimbibwa mu go, n'ogatta wamu nago ekikolo eky'obugevvu obw'omuzeyituuni;
- 18 teweenyumirizanga ku matabi: naye bwe weenyumirizanga, si ggwe weetisse ekikolo, naye ekikolo kye kyetisse ggwe.
- 19 Kale onooyogera nti Amatabi kyegaava gawogolwa nze nsimbibweko.
- 20 Weewaawo; gaawogolwa lwa butakkiriza, naawe onywedde lwa kukkiriza. Teweegulumizanga, naye tyanga:
- 21 kuba oba nga Katonda teyasaasira matabi ga buzaaliranwa, era naawe talikusaasira.

- 22 Kale laba obulungi n'obukambwe bwa Katonda: eri abaagwa, bukambwe; naye eri ggwe bulungi bwa Katonda, bw'onoobeereranga mu bulungi bwe: bw'otoobeereranga, naawe oliwogolwa.
- 23 Era nabo, bwe bataabeereranga mu butakkiriza bwabwe balisimbwawo: kubanga Katonda ayinza okubasimbawo nate.
- 24 Kuba oba nga ggwe wawogolwa ku muzeyituuni ogwali ogw'omu nsiko mu buzaaliranwa, n'osimbibwa mu muzeyituuni omulungi obutagoberera buzaaliranwa, abo, ab'obuzaaliranwa; tebalisinga nnyo kusimbibwa mu muzeyituuni gwabwe bo?
- 25 Kubanga ssaagala mmwe, ab'oluganda, obutamanya kyama kino, mulemenga okubeera ab'amagezi mu maaso gammwe mwekka, ng'obukakanyavu bwabeera ku Baisiraeri mu kitundu, okutuusa okutuukirira kw'ab'amawanga lwe kulituuka;
- 26 era bwe kityo Abaisiraeri bonna balirokoka: nga bwe kyawandiikibwa nti Muliva mu Sayuuni Awonya; Aliggyawo obutatya Katonda mu Yakobo:
- 27 Era eno ye ndagaano yange eri bo, bwe ndibaggyako ebibi byabwe.
- 28 Mu njiri, be balabe ku lwammwe: naye mu kulondebwa, baagalwa ku lwa bajajja.
- 29 Kubanga ebirabo n'okuyita kwa Katonda tebyejjusibwa.
- 30 Kuba nga mmwe edda bwe mutaawulira Katonda, naye kaakati musaasiddwa olw'obutawulira bw'abo,
- 31 bwe kityo nabo kaakati tebawulidde, olw'okusaasirwa kwammwe kaakati nabo balyoke basaasirwe.
- 32 Kubanga Katonda yasiba bonna mu butawulira, alyoke asaasire bonna.
- 33 Obuziba bw'obugagga obw'amagezi n'obw'okumanya kwa Katonda tomanyi bwe buli! emisango gye nga tegikeberekeka, n'amakubo ge nga tegekkaanyizika!
- 34 Kubanga ani eyali amanye ebirowoozo bya Mukama? oba ani eyali amuwadde amagezi?
- 35 oba ani eyali asoose okumuwa ekintu, era aliddizibwa nate?
- 36 Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita gy'ali, era bituuka gy'ali. Ekitiibwa kibeerenga gy'ali emirembe gyonna Amiina.

Essuula 12

- 1 Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaayi: kwa Katonda, okuwangayo emibiri gammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.
- 2 So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu.
- 3 Kubanga njogera, olw'ekisa kye nnaweebwa, eri buli muntu ali mu mmwe, alemenga okwerowooza okusinga bwe kimugwanidde okulowooza; naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza.
- 4 Kubanga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu naye ebitundu byonna tebirina mulimu gumu:
- 5 bwe kityo ffe abangi tuli omubiri gumu mu Kristo, na buli muntu tuli ebitundu bya bannaffe fekka na fekka.
- 6 Era nga bwe tulina ebitenkanankana ng'ekisa kye twawebwa bwe kiri, oba bunabbi (tubuulirenga) mu kigera ky'okukkiriza kwaffe;
- 7 oba kuweereza, tunyiikirenga mu kuweereza kwaffe;
- 8 oba ayigiriza, anyiikirenga mu kuyigiriza kwe; oba abuulirira, mu kubuulirira kwe: agaba, agabenga awatali bukuusa; afuga afugenga n'okunyiikira; asaasira asaasirenga n'essanyu.

- 9 Okwagala kubeerenga kwa mazima. Mukyawenga obubi, mwegattenga n'obulungi.
- 10 Mu kwagala kw'ab'oluganda mwagalanenga mwekka ne mwekka; mu kitiibwa buli muntu agulumizenga munne;
- 11 mu kunyiikira si bagayaavu; abasanyufu mu mwoyo; nga mubeeranga baddu ba Mukama waffe;
- 12 musanyukenga mu kusuubira; mugumiikirizenga mu bunaku; munyiikirenga mu kusaba;
- 13 mugabirenga abatukuvu bye beetaaga; mwanirizenga abagenyi.
- 14 Musabirenga ababayigganya; musabirenga, so temukolimanga.
- 15 Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka; mukaabirenga wamu n'abo abakaaba.
- 16 Mulowoozenga bumu mwekka na mwekka. Temwegulumizanga, naye mugendenga n'abo abatalina bukulu. Temubanga ba magezi mu maaso gammwe mwekka.
- 17 Temuwalananga muntu kibi olw'ekibi. Mwetegekenga ebirungi mu maaso g'abantu bonna.
- 18 Oba nga kiyinzika, ku luuyi lwammwe, mutabaganenga n'abantu bonna.
- 19 Temuwalananga mwekka ggwanga, abaagalwa, naye waakiri musegulirenga obusungu: kubanga kyawandiikibwa nti Okuwalana kwange; nze ndisasula, bw'ayogera Mukama.
- 20 Naye omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta, munywesenga kubanga bw'okola bw'otyoyo, olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe.
- 21 Towangulwanga bubu, naye wangulanga obubi olw'obulungi.

Essuula 13

- 1 Buli muntu awulirenga abakulu abafuga: kubanga tewali bukulu butava eri Katonda; n'abakulu abaliwo baalagirwa Katonda.
- 2 Awakanya obukulu kyava awakanya okulagira kwa Katonda: era abawakana balyezza-ako omusango bo bokka.
- 3 Kubanga abafuga si ba kutiisa mu kikulwa ekirungi, wabula mu kibi: Era oyagala obutatya bukulu? kola bulungi, alikusiima:
- 4 kubanga ye muweereza wa Katonda eri ggwe olw'obulungi. Naye bw'okola obubi, tyo; kubanga takwatira kitala bwereere: kubanga ye muweereza wa Katonda, awalana obusungu ku oyo akola obubi.
- 5 Kyekivudde kibagwanira okuwulira, si lwa busungu bwokka, naye era ku lw'omwoyo gwammwe.
- 6 Era kyemuva muwa omusolo; kubanga be baweereza ba Katonda, nga banyiiikirira mu mulimu ogwo.
- 7 Musasulenga bonna amabanja gaabwe: ab'omusolo musolo; ab'empooza mpooza; ab'okutiibwa kutya; ab'ekitiibwa kitiibwa.
- 8 Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga: kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka.
- 9 Kubanga kino nti Toyendanga, tottanga, tobbanga, teweeegombanga, n'etteeka eddala lyonna, ligattiddwa mu kino, nti Yagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka.
- 10 Okwagala tekukola bubu muntu munne: okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka.
- 11 Era mukolenga bwe mutyo, kubanga mumanyi ebiro, ng'obudde butuuse kaakano mmwe okuzuukuka mu tulo: kubanga kaakano obulokozi bwaffe buli kumpi okusinga bwe twakkiriza.
- 12 Ekiro kiyise, obudde bunaatera okukya: kale twambule ebikolwa eby'ekizikiza, era twambale eby'okulwanyisa eby'omusana.

- 13** Tutambulenga nga tuwoomye nga mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ez'okutamiranga, si mu bwenzi n'obukaba, si mu kuyombanga n'obuggya.
- 14** Naye mwambale Mukama waffe Yesu Kristo, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba.

Essuula 14

- 1** Naye atali munywevu mu kukkiriza mumusembezenga, naye si lwa kusala musango gwa mpaka.
- 2** Omulala akkiriza n'okulya n'alya byonna: naye atali munywevu alya nva.
- 3** Alya tanyoomanga atalya; era atalya tasaliranga musango alya: kubanga Katonda yamusembeza.
- 4** Ggwe ani asalira omusango omuweereza wa beene? eri mukama we yekka ayimirira oba agwa. Naye aliyimirira; kubanga Mukama waffe ayinza okumuyimiriza.
- 5** Omuntu omulala alowooza olunaku olumu okusinga olulala, omulala alowooza ennaku zonna okwenkanankana. Buli muntu ategeererenga ddala mu magezi ge yekka.
- 6** Alowooza olunaku, alulowooza ku bwa Mukama waffe: n'oyo alya, alya ku bwa Mukama waffe, kubanga yeebaza Katonda; n'oyo atalya, talya ku bwa Mukama waffe, era yeebaza Katonda.
- 7** Kubanga tewali muntu mu ffe eyebeerera omulamu ku bubwe yekka, era tewali eyeefiira ku bubwe yekka.
- 8** Kubanga bwe tubeera abalamu, tuba balamu ku bwa Mukama waffe: oba bwe tufa, tufa ku bwa Mukama waffe: kale, bwe tuba abalamu, oba bwe tufa, tuba ba Mukama waffe.
- 9** Kubanga Kristo kyeyava afa n'abeera omulamu, alyoke abeerenga Mukama w'abafu era n'abalamu.
- 10** Naye ggwe kiki ekikusaliza omusango muganda wo? oba naawe kiki ekikunyoomesa muganda wo? kubanga fenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ey'emisango eya Katonda.
- 11** Kubanga kyawandiikibwa nti Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, buli vviivi lirinfukaamirira, Na buli lulimi lulyatula Katonda.
- 12** Kale bwe kityo buli muntu mu ffe alibalirira omuwendo gwe yekka eri Katonda.
- 13** Kale tulemenga okusalira bannaffe emisango nate fekka na fekka: naye waakiri musale omusango guno, obutaleeteranga wa luganda ekyesittaza oba nkonge.
- 14** Mmanyi era ntegeeredde ddala mu Mukama waffe Yesu, nga tewali kintu kya muzizo mu buwangwa bwakyo: wabula eri oyo akirowooza nga kya muzizo, kiba kya muzizo.
- 15** Kuba oba nga muganda wo anakuwala olw'emmere, nga tokyatambulira mu kwagala. Tomuzikirizanga lwa mmere yo oyo Kristo gwe yafiirira.
- 16** Kale ekirungi kyammwe kiremenga okuvumibwa:
- 17** kubanga obwakabaka bwa Katonda si kwe kulya n'okunywa, wabula butuukirivu na mirembe na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu:
- 18** Kubanga aweereza Kristo bw'ati asanyusa nnyo Katonda, n'abantu bamusiima.
- 19** Kale bwe kityo tugobererenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagananga fekka na fekka.
- 20** Toyoononanga mulimu gwa Katonda lwa mmere. Byonna birungi; naye kinaabanga kibi eri oyo alya nga yeesittala.
- 21** Kirungi obutalyanga nnyama newakubadde okunywanga omwenge, newakubadde okukolanga byonna ebyesitazza muganda wo oba ebimunyiiza oba ebimunafuya.
- 22** Okukkiriza kw'olina, beeranga nakwo wekka mu maaso ga Katonda. Oyo alina

omukisa ateesalira musango mu kigambo ky'asiima.

- 23** Naye oyo abuusabuusa azza musango bw'alya, kubanga talya mu kukkiriza; na buli ekitava mu kukkiriza, kye kibi.

Essuula 15

- 1** Era ffe abalina amaanyi kitugwanidde okwetikkanga obunafu bw'abo abatalina maanyi, so si kwesanyusanga fekka.
- 2** Buli muntu mu ffe asanyusanga munne mu bulungi olw'okuzimba.
- 3** Kubanga era ne Kristo teyeesanyusanga yekka: naye, nga bwe kyawandiikibwa, nti Ebivume byabwe abaakuvuma byagwa ku nze.
- 4** Kubanga byonna ebyawandiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, tulyoke tubeerenga n'okusubira olw'okugumiikiriza n'olw'okusanyusa kw'ebyawandiikibwa.
- 5** Era Katonda w'okugumiikiriza n'okusanyusa abawe mmwe okulowoozanga obumu mwekka na mwekka mu ngeri ya Kristo Yesu:
- 6** mulyoke muwenga ekitiibwa Katonda, Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, n'omwoyo ogumu n'akamwa akamu.
- 7** Kale musembezaganyenga mwekka na mwekka, nga Kristo bwe yabasembeza mmwe, olw'ekitiibwa kya Katonda.
- 8** Kubanga njogera nti Kristo yali muweereza w'abakomole olw'amazima ga Katonda, okunyweza ebyasuubizibwa eri bajjajja,
- 9** era ab'amawanga balyoke bawenga Katonda ekitiibwa olw'okusaasira; nga bwe kyawandiikibwa nti Kye nnaavanga nkwatula mu b'amawanga, Era nnaayimbiranga erinnya lyo.
- 10** Era nate ayogera nti Musanyukenga, mmwe ab'amawanga, wamu n'abantu be.
- 11** Era nate nti Mutenderezenga Mukama, mmwe ab'amawanga mwenna; Era ebika byonna bimumutenderezenga.
- 12** Era nate Isaaya ayogera nti Waliba ekikolo kya Yese, Era ayimirira okufuga ab'amawanga; Oyo ab'amawanga gwe balisuubira.
- 13** Era Katonda ow'okusuubirwa abajjuze mmwe essanyu lyonna n'emirembe olw'okukkiriza, mmwe musukkirirenga mu kusuubira, mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu.
- 14** Era nange nze ntegeeredde ddala ebyammwe, baganda bange, nga nammwe mujjudde obulungi, mujjudde okutegeera kwonna, nga muyinza n'okubuuliriragana mwekka na mwekka.
- 15** Naye nneeyongedde okuguma katono okubawandiikira, nga kubajjukiza na olw'ekisa kye nnaweebwa Katonda
- 16** nze okubeeranga omuweereza wa Kristo Yesu eri ab'amawanga nga nkolera enjiri ya Katonda omulimu gwa kabona, ssaddaaka y'ab'amawanga eryoke esiimibwe ng'ekuzibwa Omwoyo Omutukuvu.
- 17** Kale okwenyumiriza ndi nakwo mu Kristo Yesu mu bya Katonda.
- 18** Kubanga siryaanga kwogera kigambo kyonna wabula Kristo bye yankozza, olw'okuwulira kw'ab'amawanga, mu kigambo ne mu kikolwa,
- 19** mu maanyi g'obubonero n'eby'amagero, mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu; bwe kityo okuva mu Yerusalemi n'okwetooloola okutuuka mu Iruliko, natuukiriza enjiri Kristo;
- 20** naye nga njagala ekitiibwa kino okubuuliranga enjiri, si awayatulibwa erinnya lya Kristo nnemenga okuzimba ku musingi gwa beene;
- 21** naye nga bwe kyawandiikibwa nti Baliraba abatabuulirwanga bigambo bye, Era

abataawulira balitegeera.

- 22 Era kyennavanga nziyizibwa emirundi emingi okujja gye muli;
- 23 naye kaakati, kubanga sikyalina bbanga mu nsi zino, era kubanga, okuva mu myaka mingi nnali njagala okujja gye muli,
- 24 we ndigendera mu Esupaniya (kubanga nsuubira okubalaba nga mpitayo, mmwe mumperekereko okuntuusa eyo, bwe ndimala okubalabako n'okusanyukirako awamu nammwe);
- 25 naye kaakati enda e Yerusalemi, okuweereza abatukuvu.
- 26 Kubanga ab'e Makedoni n'ab'e Akaya baasiima okusololeza ebintu abaavu ab'omu batukuvu abali Yerusalemi.
- 27 Kubanga basiima; era nga bababanja. Kuba oba ng'ab'amawanga basseekimu n'ebyabwe eby'omwoyo, babanja okubaweereza nate eby'omubiri.
- 28 Kale bwe ndimala ekyo, bwe ndibakwasiza ddala ebibala ebyo ndivaayo, okuyita ewammwe okugenda e Supaniya.
- 29 Era mmanyi nga bwe ndijja gye muli ndijja mu mukisa gwa Kristo nga gutuukiridde.
- 30 Era mbeegayiridde, ab'oluganda, ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo, n'olw'okwagala kw'Omwoyo, okufubiranga awamu nange mu kunsabira Katonda;
- 31 ndyoke mpone mu abo abataawulira mu Buyudaaya, n'okuweereza kwange kwe ntuala e Yerusalemi kusiimibwe abatukuvu;
- 32 ndyoke njije gye muli n'essanyu olw'okwagala kwa Katonda, mpummulire wamu nammwe.
- 33 Era Katonda ow'emirembe abeerenga nammwe mwenna. Amiina.

Essuula 16

- 1 Mbanjulira Foyibe mwannyinaffe, ye muweereza w'ekkanisa ey'omu Kenkereya:
- 2 mulyoke mumwanirize mu Mukama waffe, nga bwe kigwanidde abatukuvu, era mumuyambe mu kigambo kyonna ky'alyetaaga gye muli: kubanga naye yennyini yayamba bangi, era nange nzennyini.
- 3 Mumulamuse Pulisika ne Akula abaakolera awamu nange mu Kristo Yesu,
- 4 abaawaayo obulago bwabwe olw'obulamu bwange; be sseebaza nze nzekka, era naye n'ekkanisa zonna ez'ab'amawanga:
- 5 era mulamuse ekkanisa ey'omu nnyumba yaabwe. Mulamuse Epayineeto, gwe njagala, kye kibala eky'olubereberye eky'omu Asiya eri Kristo.
- 6 Mulamuse Malyamu, eyabakolera mmwe emirimu emingi.
- 7 Mulamuse Anduloniiiko ne Yuniya, ab'ekika kyange, era abaasibirwa awamu nange, ab'amaanyi mu batume, era abansooka okubeera mu Kristo.
- 8 Mulamuse Ampuliyaato, gwe njagala mu Mukama waffe.
- 9 Mulamuse Ulubano, akolera awamu naffe mu Kristo, ne Sutaku gwe njagala.
- 10 Mulamuse Apere akkirizibwa mu Kristo. Mubalamuse ab'omu nnyumba ya Alisutobulo.
- 11 Mulamuse Kerodiyoni, ow'ekika kyange. Mubalamuse ab'omu nnyumba ya Nalukiso, abali mu Mukama waffe.
- 12 Mulamuse Terufayina ne Terufoosa abaakola emirimu mu Mukama waffe. Mulamuse Perusi omwagalwa, eyakola emirimu emingi mu Mukama waffe.
- 13 Mulamuse Luufo, eyalondebwa mu Mukama waffe, ne nnyina, ye mmange.
- 14 Mulamuse Asunkulito, Fulegoni, Kerume, Patuloba, Keruma, n'ab'oluganda abali awamu nabo.
- 15 Mulamuse Firologo ne Yuliya, Nerewu ne mwannyina, ne Olumpa, n'abatukuvu bonna abali awamu nabo.

- 16 Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu. Ekkanisa zonna eza Kristo zibalamusizza.
- 17 Era mbeegayiridde, ab'oluganda, mutunuulirenga abo abaleeta eby'okwawukanya n'ebby'okwesittaza, ebitali bya kuyigiriza kwe mwayiga: mubakubenga amabega abo.
- 18 Kubanga abalianga abo si baddu ba Mukama waffe Kristo, naye ba mbuto zaabwe bokka; era n'ebigambo ebirungi n'ebby'okunyumya obulungi balimbalimba emitima gy'abo abatalina kabi.
- 19 Kubanga okuwulira kwammwe kwabuna mu bonna. Kyenvudde mbasanyukira mmwe: naye njagala mmwe okubeeranga abagezi mu bulungi, era abasirusiru mu bubu.
- 20 Era Katonda ow'emirembe alibetenta Setaani wansi w'ebigere byammwe mangu. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeeranga nammwe.
- 21 Timosewo, akolera awamu nange, abalamusizza; ne Lukiyo ne Yasooni ne Sosipateri, ab'ekika kyange.
- 22 Nze Terutiyo, awandiise ebbaluwa eno, mbalamusizza mu Mukama waffe.
- 23 Gayo, ansuza nze n'ekkanisa yonna, abalamusizza. Erasuto, omuwanika w'ekibuga, abalamusizza, ne Kwaluto, ow'oluganda.
- 24 Ekisa kya Mukama waffe Kristo Yesu Kibeeranga nammwe mwenna. Amiina.
- 25 Era oyo ayinza okubanyweza ng'enjiri yange n'okubuulirwa kwa Yesu Kristo bwe biri, ng'ekyama bwe kibikkuddwa ekyasirikirwa okuva mu biro eby'emirembe n'emirembe,
- 26 naye kaakati kirabise ne kitegeezebwa amawanga gonna mu byawandiikibwa bya bannabbi, nga bwe yalagira Katonda ataggwaawo, olw'okuwulira okuva mu kukkiriza;
- 27 Katonda ow'amagezi omu yekka aweebwenga ekitiibwa ku bwa Yesu Kristo emirembe egitaggwaawo.

1 Abakkolinso

Essuula 1

- 1 Paulo, eyayitibwa okuba omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, ne Sossene ow'oluganda,
- 2 eri ekkansa ya Katonda eri mu Kkolinso, abaatukuzibwa mu Kristo Yesu, abaayitibwa okuba abatukuvu, wamu ne bonna abakoowoola erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo mu buli kifo, ye Mukama waabwe era owaffe:
- 3 ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe, ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 4 Nneebaza Katonda wange bulijjo ku lwammwe, olw'ekisa kya Katonda kye mwaweerwa mu Kristo Yesu;
- 5 kubanga mu buli kigambo mwagaggawalira mu ye, mu kwogera kwonna ne mu kutegeera kwonna;
- 6 ng'okutegeera kwa Kristo bwe kwanywezebwa mu mmwe:
- 7 mmwe obutaweebuuka mu kirabo kyonna; nga mulindirira okubikkulibwa kwa Mukama waffe Yesu Kristo;
- 8 era alibanyweza okutuusa ku nkomerero, obutabaako kya kunenyezebwa ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu Kristo.
- 9 Katonda mwesigwa, eyabayisa okuyingira mu kusseekimu kw'Omwana we Yesu Kristo Mukama waffe.
- 10 Naye mbeegayirira, ab'oluganda, olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mwenna okwogeranga obumu, so okwawukana kulemenga okuba mu mmwe, naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mu kulowooza kumu.
- 11 Kubanga nnabuulirwa ebifa gye muli, baganda bange, abo ab'omu nnyumba ya Kuloowe, ng'eriyo ennyombo mu mmwe.
- 12 Kye njogedde kye kino nti buli muntu mu mmwe ayogera nti Nze ndi wa Pawulo; nange wa Apolo; nange wa Keefa; nange wa Kristo:
- 13 Kristo yawuliddwamu? Pawulo yakomererwa ku lwammwe? oba mwabatizibwa okuyingira mu linnya lya Pawulo?
- 14 Nneebaza Katonda kubanga sibatizanga muntu yenna mu mmwe, wabula Kulisupo ne Gaayo;
- 15 omuntu yenna alemenga okwogera nga mwabatizibwa okuyingira mu linnya lyange:
- 16 Era nnabatiza n'ennyumba ya Suteefana: nate simanyi nga nnabatiza omulala yenna.
- 17 Kubanga Kristo teyantuma kubatiza, wabula okubuulira Enjiri: si mu magezi ga bigambo, omusalaba gwa Kristo gulemenga okuba ogw'obwereere.
- 18 Kubanga ekigambo eky'omusalaba bwe busirusiru eri abo ababula; naye eri ffe abalokebwa ge maanyi ga Katonda.
- 19 Kubanga kyawandiikibwa nti Ndizikiriza amagezi g'abagezigezi, N'obukabakaba bw'abakabakaba ndibugyawo.
- 20 Omugezigezi aluwa? omuwaadiisi aluwa? omuwakanyi ow'omu nsi muno aluwa? Katonda teyasiruwaza magezi ga nsi?
- 21 Kubanga mu magezi ga Katonda ensi olw'amagezi gaayo bw'etaategeera Katonda, Katonda n'asiima olw'obusirusiru obw'okubuulira okwo okulokola abo abakkiriza.
- 22 Kubanga Abayudaaya basaba obubonero, n'Abayonaani banoonya amagezi:
- 23 naye ffe tubuulira Kristo eyakomererwa, eri Abayudaaya nkonge, n'eri ab'amawanga busirusiru;
- 24 naye eri abo abayite Abayudaaya era n'Abayonaani, Kristo maanyi ga Katonda, era magezi ga Katonda.

- 25 Kubanga obusirusiru bwa Katonda businga abantu amagezi; n'obunafu bwa Katonda businga abantu amaanyi.
- 26 Kubanga mutunuulire okuyitibwa kwammwe, ab'oluganda, ng'ab'amagezi ag'omubiri si bangi abayitibwa, ab'amaanyi si bangi, ab'ekitiibwa si bangi:
- 27 naye Katonda yalonda ebisirusiru eby'ensi, abagezigezi abakwase ensonyi; era Katonda yalonda ebinafu eby'ensi, akwase ensonyi eby'amaanyi;
- 28 n'ebikopi by'ensi n'ebinyoomebwa Katonda yabironda era n'ebitaliwo, aggyewo ebiriwo:
- 29 omubiri gwonna gulemenga okwenyumiriza mu maaso ga Katonda.
- 30 Naye ku bw'oyo mmwe muli mu Kristo Yesu, eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Katonda, era n'obutuukirivu n'okutukuzibwa, n'okununulibwa:
- 31 nga bwe kyawandiikibwa nti Eyeenyumiriza, yeenyumirizenga mu Mukama.

Essuula 2

- 1 Nange, ab'oluganda, bwe nnajja gye muli, sajja na maanyi mangi ag'ebigambo oba amagezi nga mbabuulira ekyama kya Katonda,
- 2 Kubanga nmalirira obutamanya kigambo mu mmwe, wabula Yesu Kristo era oyo eyakomererwa.
- 3 Nange nnabeeranga nammwe mu bunafu ne mu kutya ne mu kukankana okungi.
- 4 N'ekigambo kyange n'okubuulira kwange tebyabanga mu bigambo eby'amagezi ebisendasenda, wabula mu kutegeeza kw'Omwoyo n'amaanyi:
- 5 okukkiriza kwammwe kulemenga okubeera mu magezi g'abantu, wabula mu maanyi ga Katonda.
- 6 Naye amagezi tugoogera mu abo abatuukirira: naye amagezi agatali ga mu mirembe gino, era agatali ga bakulu ab'omu mirembe gino, abaggwaawo:
- 7 naye twogera amagezi ga Katonda mu kyama, gali agakisibwa, Katonda ge yalagira edda ensi nga tezinnabaawo olw'ekitiibwa kyaffe:
- 8 abakulu bonna ab'omu mirembe gino ge batategeeranga n'omu: kuba singa baagategeera, tebandikomeredde Mukama wa kitiibwa:
- 9 naye nga bwe kyawandiikibwa nti Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, N'ebitayingiranga mu mutima gwa muntu, Byonna Katonda bye yategekera abamwagala.
- 10 Naye ffe Katonda yatubibikkulira ku bw'Omwoyo: kubanga Omwoyo anoonya byonna era n'ebitategeerekeka ebya Katonda.
- 11 Kubanga muntu ki ategeera eby'omuntu wabula omwoyo gw'omuntu oguli mu ye? era bwe kityo n'ebya Katonda siwali abitegeera wabula Omwoyo gwa Katonda.
- 12 Naye ffe tetwaweebwa mwoyo gwa nsi, wabula omwoyo oguva eri Katonda, tulyoke tutegeerenga Katonda by'atuwa obuwa.
- 13 N'okwogera twogera ebyo, si mu bigambo amagezi g'abantu bye gayigiriza, wabula Omwoyo by'ayigiriza; bwe tugeraageranya eby'omwoyo n'eby'omwoyo.
- 14 Naye omuntu ow'omukka obukka takkiriza bya Mwoyo gwa Katonda: kubanga bya busirusiru gy'ali; era tayinza kabitegeera, kubanga bikeberwa na mwoyo.
- 15 Naye omuntu ow'omwoyo akebera byonna, naye ye yennyini takeberwa muntu yenna.
- 16 Kubanga ani eyali ategedde okulowooza kwa Mukama waffe, alyoke amuyigirize? Naye ffe tulina okulowooza kwa Kristo.

Essuula 3

- 1 Nange, ab'oluganda, ssaayinza kwogera nammwe ng'ab'omwoyo, naye ng'ab'omubiri, ng'abaana abawere mu Kristo.
- 2 Nnabanywesa mata, so si mmere; kubanga mwali temunnagiyinza: naye era ne kaakano temunnagiyinza;
- 3 kubanga mukyali ba mubiri: kubanga mu mmwe nga bwe mukyalimu obuggya n'okuyomba, temuli ba mubiri, era temutambula ng'abantu obuntu?
- 4 Kubanga omuntu bw'ayogera nti Nze ndi wa Pawulo; n'omulala nti Nze ndi wa Apolo; nga temuli bantu buntu?
- 5 Kale Apolo kye ki? ne Pawulo kye ki? Baweereza buweereza ababakkirizisa; era buli muntu nga Mukama waffe bwe yamuwa.
- 6 Nze nasiga, Apolo n'afukirira; naye Katonda ye yakuza.
- 7 Kale bwe kityo asiga si kintu, newakubadde afukirira; wabula Katonda akuza.
- 8 Naye asiga n'afukirira bali bumu: naye buli muntu aliweebwa empeera ye ye ng'omulimu gwe ye bwe guliba.
- 9 Kubanga Katonda tuli bakozi banne: muli nnimiro ya Katonda, muli nnyumba ya Katonda.
- 10 Ng'ekisa kya Katonda bwe kiri kye nnaweewwa, ng'omukoza w'abazimbi ow'amagezi n'asima omusingi; n'omulala n'azimbako. Naye buli muntu yeekuungwa bw'azimbako.
- 11 Kubanga tewali muntu ayinza kusima musingi mulala wabula ogwo ogwasimibwa, ye Yesu Kristo.
- 12 Naye omuntu yenna bw'azimbanga ku musingi ogwo zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essubi, ebisasiro;
- 13 omulimu ogwa buli muntu gulirabisibwa: kubanga olunaku luli luligwolesa, kubanga gulibikkulirwa mu muliro; n'omuliro gwennyini gulikema omulimu ogwa buli muntu bwe gufaanana.
- 14 Omulimu ogwa buli muntu gwe yazimbako bwe gulibeerawo, aliweebwa empeera.
- 15 Omulimu ogwa buli muntu bwe gulyokebwa, alifirwa; naye ye yennyini alirokoka; naye bw'ati, kuyita mu muliro.
- 16 Temumaayi nga muli yeekaalu ya Katonda, era nga Omwoyo gwa Katonda abeera mu mmwe?
- 17 Omuntu yenna bw'azikirizanga yeekaalu ya Katonda, Katonda alimuzikiriza oyo; kubanga yeekaalu ya Katonda ntukuvu: ye mmwe:
- 18 Omuntu yenna teyeerimbanga; Omuntu yenna bwe yeerowoozanga okuba omugezi mu mmwe mu mireembe gino, afuukenga musirusiru, alyoke afuuke omugezi.
- 19 Kubanga amagezi ag'omu nsi muno bwe busirusiru eri Katonda. Kubanga kyawandi-ikibwa ati Akwasa abagezi enkwe zaabwe:
- 20 era nate nti Mukama ategeera empaka ez'abagezi nga teziriimu.
- 21 Omuntu yenna kyavanga alema okwenyumiriza mu bantu. Kubanga byonna byammwe;
- 22 oba Pawulo, oba Apolo, oba Keefa, oba ensi, oba obulamu, oba okufa, oba ebiriwo, oba ebigenda okubaawo; byonna byammwe;
- 23 nammwe muli ba Kristo; ne Kristo wa Katonda.

Essuula 4

- 1 Omuntu atulowoozanga bw'ati, nga tuli baweereza ba Kristo era abawanika b'ebiyama bya Katonda:

- 2 Era wano kigwanira abawanika, omuntu okulabikanga nga mwesigwa.
- 3 Naye ku nze kigambo kitono nnyo mmwe okunsalira omusango, oba omuntu yenna: era nange nzekka sseesalira musango:
- 4 Kubanga sseemanyiiko kigambo; naye ekyo tekimpeesa butuukirivu: naye ansalira omusango ye Mukama waffe.
- 5 Kale temusalanga musango gwa kigambo kyonna, ebiro nga tebinnatuuka, okutuusa Mukama waffe lw'alijja, alimulisa ebikwekebwa eby'omu kizikiza, era alirabisa okuteesa okw'omu mitima; buli muntu n'alyoka aweebwa ettendo lye eri Katonda.
- 6 Naye ebyo, ab'oluganda, mbigeredde ku nze ne Apolo ku lwammwe; mulyoke muyigire ku ffe obutasukkanga ku byawandiikibwa; omuntu yenna alemenga okwegulumiza olw'omu okusinga omulala.
- 7 Kubanga akwawula ye ani? era olina ki ky'otaaweebwa? naye okuweebwa oba nga waweebwa, kiki ekikwenyumirizisa ng'ataaweebwa?
- 8 Mumaze okukkuta, mumaze okugaggawala, mwafuga nga bakabaka awatali ffe: era mubeera kufuga nandyagadde, era naffe tulyoke tufugire wamu nammwe.
- 9 Kubanga ndowooza nga Katonda ffe abatume yatwolesa enkomerero ng'abataaleme kufa: kubanga twafuuka ekyerolerwa ensi ne bamalayika n'abantu.
- 10 Ffe tuli basirusiru ku bwa Kristo, naye mmwe muli bagezigezi mu Kristo; ffe tuli banafu, naye mmwe muli ba maanyi; mmwe muli ba kitiibwa, ffe tuli ba kunyoomebwa.
- 11 Era n'okutuusa ekiseera kino, tulumwa enjala era n'ennyonta, era tuba bwereere, era tukubibwa ebikonde, era tetuliiko waffe;
- 12 era tukola emirimu nga tutegana n'emikono gyaffe: bwe tuvumibwa, tubasabira omukisa; bwe tuyigganyizibwa, tugumiikiriza;
- 13 bwe tuwaayirizibwa, twegayirira: twafuuka ng'ebisasiro eby'ensi; empitambi eza byonna, okutuusa kaakano.
- 14 Ebyo ssibiwandiika kubakwasa nsonyi, wabula okubabuulirira ng'abaana bange abagalwa.
- 15 Kuba newakubadde nga mulina abayigiriza kakumi mu Kristo, naye temulina bakitammmwe bangi; kubanga nze nabazaaza enjiri mu Kristo Yesu:
- 16 Kyenva mbeegayirira okungobereranga:
- 17 Kyenva ntuma Timoseewo gye muli ye mwana wange omwagalwa omwesigwa mu Mukama waffe, alibajjukiza amakubo gange agali mu Kristo, nga bwe njigiriza yonna yonna mu buli kkanisa.
- 18 Naye waliwo abalala abeegulumiza nga balowooza nga nze sigenda kujja gye muli.
- 19 Naye ndijja gye muli mangu, Mukama waffe bw'alyagala; era ndimanya amaanyi gaabwe abeegulumiza so si kigambo kyabwe.
- 20 Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kigambo, wabula mu maanyi.
- 21 Mwagalako ki? njije gye muli n'omuggo, oba mu kwagala ne mu mwoyo ogw'obuwombeefu?

Essuula 5

- 1 N'okugamba bagamba nga mu mmwe mulimu obwenzi, era obwenzi bwe butyo obutali ne mu b'amawaaga, omuntu okubeera ne mukazi wa kitaawe.
- 2 Nammwe mwegulumizizza; so temwanakuwala bunakuwazi, oyo eyakola ekikolwa ekyo alyoke aggibwe wakati mu mmwe.
- 3 Kubanga nze bwe ssibaayo mu mubiri naye nga ndiyo mu mwoyo; mmaze okusalira omusango oyo eyayonoona ekyo bw'atyo,
- 4 mu linnya lya Mukama waffe Yesu, mmwe nga mukuaanye n'omwoyo gwange awamu

- n'amaanyi ga Mukama waffe Yesu,
- 5 okuwaayo ali bw'atyo eri Setaani omubiri okuzikirizibwa, omwoyo gulyoke gutokoke ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu.
 - 6 Okwenyumiriza kwammwe si kulungi: Tetumanyi ng'ekizimbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna?
 - 7 Muggyeemu ekizimbulukusa eky'edda, mulyoke mubeere ekitole ekiggya, nga temulimu kizimbulukusa. Kubanga era n'Okuyitako kwaffe kwattibwa, ye Kristo:
 - 8 kale tufumbe embaga, si na kizimbulukusa eky'edda, newakubadde n'ekizimbulukusa eky'ettima n'obubi, wabula n'ebitazimbulukuswa eby'obutali bukuusa n'amazima.
 - 9 Nnabawandiikira mu bbaluwa yange obuteegattanga na benzi;
 - 10 so si kwewalira ddala abenzi ab'omu nsi muno, oba abeegombi n'abanyazi, oba abasinza ebifaananyi: kubanga bwe kiba kityo kyandibagwanidde okuva mu nsi:
 - 11 naye kaakano mbawandiikira obuteegattanga naye, omuntu yenna ayitibwa ow'oluganda bw'aba nga mwenzi, oba mwegombi, oba asinza ebifaananyi, oba muvumi, oba mutamiivu, oba munyazi; ali bw'atyo n'okulya temulyanga naye.s
 - 12 Kubanga nfaayo ki okusalira omusango abali ebweru? Mmwe temusalira musango ba munju?
 - 13 Naye ab'ebweru Katonda ye abasalira omusango. Omubi oyo mumuggye mu mmwe.

Essuula 6

- 1 Omuntu yenna ku mmwe bw'aba n'ekigambo ku munne, ayaanga okuwoleza ensonga abatali batuukirivu, so si eri abatukuvu?
- 2 Oba temumanyi ng'abatukuvu be balisalira ensi omusango? era oba ng'ensi mmwe muligisalira omusango, temusaanira kusala nsonga entono ennyo.
- 3 Temumanyi nga tulisalira bamalayika omusango? tulirema tutya okusala emisango egy'omu bulamu buno?
- 4 Kale bwe muba n'okusala emisango egy'omu bulamu buno, abanyoomebwa mu kkanisa abo be muteekawo?
- 5 Njogedde kubakwasa nsonyi. Kiri bwe kityo nti mu mmwe temuyinza kuzuuka muntu mugezi, ayinza okusalira baganda be ensonga,
- 6 naye ow'oluganda awoze n'ow'oluganda, era ne mu maaso gaabo abatali bakkiriza?
- 7 Naye era bwe mutyo mumaze okubaako akabi, kubanga mulina emisango mwekka na mwekka. Lwaki obutamala gakolwanga bubu? Lwaki obutamala galyazaamaanyizibwanga?
- 8 Naye mmwe mwennyini mukola bubu, mulyazaamaanya, era n'ab'oluganda.
- 9 Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebalisikira bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga: newakubadde abakaba, newakubadde abasinza ebifaananyi, newakubadde abenzi, newakubadde abafuuka abakazi, newakubadde abalya ebisiyaga,
- 10 newakubadde ababbi, newakubadde abeegombi, newakubadde abatamiivu, newakubadde abavumi, newakubadde abanyazi, tebalisikira bwakabaka bwa Katonda.
- 11 Era abamu ku mmwe mwali ng'abo: naye mwanaazibwa, naye mwatukuzibwa, naye mwaweebwa obutuukirivu olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, n'olw'Omwoyo gwa Katonda waffe.
- 12 Byonna birungi gye ndi; naye byonna tebinaanira. Byonna birungi gye ndi; naye nze sigenda kufugibwanga kyonna kyonna.
- 13 Eby'okulya bya lubuto, n'olubuto lwa bya kulya: naye Katonda alibiggyawo byombiriri. Naye omubiri si gwa bwenzi, naye gwa Mukama waffe; ne Mukama waffe avunaana omubiri:

- 14 era Katonda yazuukiza Mukama waffe, era naffe alituzuukiza olw'amaanyi ge.
- 15 Temumanyi ng'emibiri gyammwe bye bitundu bya Kristo? kale nzirirenga ebitundu bya Kristo mbifuule bitundu by'omwenzi? Kitalo.
- 16 Oba temumanyi ng'eyeegatta n'omwenzi gwe mubiri gumu? kubanga ayogera nti Bombiriri banaabeeraaga omubiri gumu.
- 17 Naye eyeegatta ne Mukama waffe gwe mwoyo gumu.
- 18 Mwewalenga obwenzi. Buli kibi kyonna omuntu ky'akola kiri kungulu ku mubiri; naye ayenda akola ekibi ku mubiri gwe ye:
- 19 Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu ali mu mmwe, gwe mulina eyava eri Katonda? nammwe temuli ku bwammwe;
- 20 kubanga mwagulibwa na muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe.

Essuula 7

- 1 Naye ku ebyo bye mwampandiikira; kirungi omusajja obutakwatanga ku mukazi.
- 2 Naye, olw'obwenzi, buli musajja abeerenga ne mukazi we ye, na buli mukazi abeerenga ne musajja we ye.
- 3 Omusajja اساسلenga mukazi we ekyo ekimugwanira: era n'omukazi اساسلenga bw'atyo omusajja.
- 4 Omukazi tafuga mubiri gwe ye, wabula musajja we: era n'omusajja bw'atyo tafuga mubiri gwe ye, wabula mukazi we.
- 5 Temumaananga, wabula mpozzi nga mulagaanye ekiseera, mulyoke mubeerenga n'ebbanga ery'okusabiramu, ate mulyoke mubeerenga wamu, Setaani alemenga okubakema olw'obuteeziyiza bwammwe.
- 6 Naye ebyo mbyogera nga nzikiriza bukkiriza, so siteeka tteeka.
- 7 Naye nandyagadde abantu bonna okubeeranga nga nze. Naye buli muntu alina ekirabo kye ye, ekiva eri Katonda, omulala bw'ati, n'omulala bw'ati.
- 8 Naye abatannafumbiriganwa ne bannamwandu mbagamba nti Kirungi bo okubeeranga nga nze.
- 9 Naye oba nga tebayinza kweziyiza, bafumbiriganwenga: kubanga kye kirungi okufumbiriganwanga okusinga okwakanga.
- 10 Naye abaamala okufuumbirwaganwa mbalagira, so si nze wabula Mukama waffe, omukazi obutanobanga ku musajja we
- 11 (naye okunoba bw'anobanga, abeerenga awo obutafumbirwanga, oba atabaganenga ne musajja we); era n'omusajja obutalekangayo mukazi we.
- 12 Naye abalala mbagamba nze, si Mukama waffe: w'oluganda yenna bw'abanga n'onukazi atakkiriza, omukazi bw'atabagananga naye okubeera naye, tamulekangayo.
- 13 N'omukazi bw'abeeranga n'omusajja atakkiriza; naye bw'atabagananga naye okubeera naye, tanobanga ku musajja we.
- 14 Kubanga omusajja atakkiriza atukuzibwa na mukazi, n'omukazi atakkiriza atukuzibwa na wa luganda: singa tekiri bwe kityo, abaana bammwe tebandibadde balongoofu; naye kaakano batukuvu.
- 15 Naye atakkiriza bw'ayawukananga, ayawukane: ow'oluganda omusajja oba mukazi tali mu buddu mu bigambo ebiri bwe bityo: naye Katonda yatuyitira mirembe.
- 16 Kubanga, ggwe omukazi; omanyi otya nga tolirokola musajja wo? oba, ggwe musajja, omanyi otya nga tolirokola mukazi wo?
- 17 Kino kyokka, buli muntu nga Mukama waffe bwe yamugabira, buli muntu nga Katonda bwe yamuyita, atambulenga bw'atyo. Era bwe ndagira bwe ntyo mu kkanisa zonna.

- 18 Omuntu yenna yayitibwa nga mukomole? teyeggyangako bukomole bwe. Omuntu yenna yayitibwa nga si mukomole? Takomolebwanga.
- 19 Okukomolwa si kintu n'obutakomolwa si kintu wabula okukwatanga ebiragiro bya Katonda.
- 20 Buli muntu abeerenga mu kuyitibwa kwe yayitirwamu.
- 21 Wayitibwa ng'oli muddu? tokyeraliikiriranga: naye okuyinza bw'oyinzaga okuweebwa eddembe, waakiri beerenga nalyo.
- 22 Kubanga mu Mukama waffe eyayitibwa nga muddu, aweebwa Mukama waffe eddembe: bw'atyo eyayitibwa nga wa ddembe ye muddu wa Kristo.
- 23 Mwagulibwa na muwendo; temufuukanga baddu ba bantu.
- 24 Ab'oluganda, okuyitibwa buli muntu kwe yayitirwamu, abeerenga mu okwo wamu ne Katanda.
- 25 Naye ku by'obutafumbiriganwa sirina kiragiro kya Mukama waffe: naye mbagamba nze ng'omuntu Mukama waffe gwe yasaasira okubeera omwesigwa.
- 26 Kale ndowooza kino okubeera ekirungi olw'okubonaabona okwa kaakano, nga kirungi omuntu okubeera nga bw'ali.
- 27 Wasibibwa n'omukazi? tonoonnyanga kusumululwa. Wasumululwa ku mukazi? tonoonnyanga mukazi.
- 28 Naye okuwasa bw'owasanga, nga toyoonnye; n'omuwala bw'afumbirwanga, nga tayoonnye. Naye abali bwe batyo banaabeeranga n'okubonaabona mu mubiri: nange mbasaasira.
- 29 Naye kino kye njogera, ab'oluganda, nti Ebiro biyimpawadde, okutanula kaakano abalina abakazi babe ng'abatalina:
- 30 era n'abo abakaaba babe ng'abatakaaba; n'abo abasanyuka babe ng'abatasanyuka; n'abo abagula babe ng'abatalina;
- 31 n'abo abakoza eby'omu nsi babe ng'abatabikoza bubi: kubanga engeri ey'omu nsi muno eggwaawo.
- 32 Naye njagala mmwe obuteeraliikiriranga. Atali mufumbo yeeraliikirira bya Mukama waffe, bw'anaasanyusanga Mukama waffe:
- 33 naye omufumbo yeeraliikirira bya mu nsi, bw'anaasanyusanga mukazi we.
- 34 Era waliwo enjawulo ku mufumbo n'omuwala. Atafumbirwa yeeraliikirira bya Mukama waffe, abeerenga mutukuvu omubiri n'omwoyo: naye afumbirwa yeeraliikirira bya mu nsi, bw'anaasanyusanga musajja we.
- 35 Njogedde ekwo olw'okubagasa mmwe bennyini; si lwakuba nga kyambika, wabula olw'obulungi era mulyoke muweerezenga Mukama waffe obutategananga.
- 36 Naye omuntu bw'alowoozanga nga takola bulungi muwala we, oba nga ayitiridde obukulu, era oba nga kigwana okubeera bwe kityo, akolenga nga bw'ayagala; tayoonnoona; bafumbiriganwe.
- 37 Naye oyo anywera mu mutima gwe, nga tawalirizibwa, naye ng'ayinza okutuukiriza bw'ayagala ye, era nga yamalirira kino mu mutima gwe okukuumanga muwala we, alikola bulungi.
- 38 Kale afumbiza muwala we akola bulungi; era n'oyo atalifumbiza ye alisinga okukola obulungi.
- 39 Omukazi asibibwa musajja we ng'akyali mulamu; naye musajja we bw'aba nga yeebase, nga wa busa afumbirwenga gw'ayagala; kyokka mu Mukama waffe.
- 40 Naye aba musanyufu okusigala nga bw'ali nga nze bwe ndowooza: era ndowooza nga nange nnina Omwoyo gwa Katonda.

Essuula 8

- 1 Naye ku ebyo ebiweebwa eri ebifaananyi: tumanyi nga tulina fenna okutegeera. Okutegeera kwegulumizisa, naye okwagala kuzimba.
- 2 Omuntu bw'alowoozanga ng'aliko ky'ategedde, nga tannategeera nga bwe kimugwanira okutegeera;
- 3 naye omuntu bw'ayagala Katonda, oyo ategeerwa ye.
- 4 Kale ku kulyanga ebiweebwa eri ebifaananyi, tumanyi ng'ekifaananyi si kintu mu nsi, era nga tewali Katonda omulala wabula omu.
- 5 Kuba newakubadde nga waliwo abayitibwa bakatonda, oba mu ggulu, oba mu nsi; nga bwe waliwo bakatonda abangi n'abaami abangi;
- 6 naye gye tuli waliwo Katonda omu, Kitaffe, omuva byonna, naffe tuli ku bw'oyo; ne Mukama waffe omu, Yesu Kristo, abeesaawo byonna, era atubeesaawo ffe:
- 7 Naye okutegeera okwo tekuli mu bantu bonna: naye abalala, kubanga baamanyiira ebifaananyi okutuusa kaakano, balya ng'ekiweereddwa eri ekifaananyi; n'omwoyo gwabwe, kubanga munafu, gubeera n'empitambi.
- 8 Naye ekyokulya tekitusiimisa eri Katonda: era bwe tutalya tetuweebuuka: era bwe tulya tetweyongerako.
- 9 Naye mwekuumenga mpozzi obuyinza bwammwe obwo bulemenga okuba enkonge eri abanafu.
- 10 Kubanga omuntu bw'akulaba ggwe alina okutegeera ng'otudde ku mmere mu ssaboly'ekifaananyi; omwoyo gw'oyo, bw'aba nga munafu, teguliguma kulya ebiweebwa eri ebifaananyi?
- 11 Kubanga omunafu abula olw'okutegeera kwo, ow'oluganda Kristo gwe yafirira.
- 12 Era bwe kityo, bwe mwonoonanga ab'oluganda era ne mufumita omwoyo gwabwe, bwe guba nga munafu, nga mwonoona Kristo.
- 13 Kale, oba ng'ekyokulya kyesittaza muganda wange, siiryenga nnyama emirembe gyonna, nnemenga okwesittaza muganda wange.

Essuula 9

- 1 Ssiri wa ddembe? ssiri mutume? ssaalaba Yesu Mukama waffe? mmwe temuli mulimu gwange mu Mukama waffe?
- 2 Oba nga ssiri mutume eri abalala, naye ndi mutume eri mmwe: kubanga mmwe kabonero k'obutume bwange mu Mukama waffe.
- 3 Bwe mpoza bwe nti eri abo abankemereza.
- 4 Tetulina buyinza okulyanga n'okunywanga?
- 5 Tetulina buyinza okutwalanga omukazi ow'oluganda awamu naffe, era ng'abatume abalala, ne baganda ba Mukama waffe, ne Keefa.
- 6 Oba nze nzekka ne Balunabba tetulina buyinza obutakolanga mirimu?
- 7 Ani agenda okutabaala yonna yonna n'atabaaza ebintu bye ye? ani asimba olusuku n'atalya ku mmere yaamu? oba ani alunda ekisibo n'atanywa ku mata g'ekisibo ekyo?
- 8 Ebyo njogera bya buntu? oba era n'amateeka tegoogera bwe gatyoo?
- 9 Kubanga kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa nti Togisibanga kamwa ente ng'ewuula. Katonda alowooza bya nte?
- 10 oba ayogera ku lwaffe fekka? Kubanga kyawandiikibwa ku lwaffe: kubanga alima kimugwanira okulima ng'asuubira, era n'awuula kimugwanira okuwuula ng'asuubira okuweebwako.
- 11 Oba nga ffe twabasigamu eby'omwoyo, kya kitalo ffe bwe tulikungula ebyammwe eby'omubiri?

- 12 Oba nga abalala balina obuyinza obwo ku mmwe, ffe tetusinga bo? Naye tetwakoza buyinza obwo; naye tugumiikiriza byonna, tulemenga okuleeta ekiziyiza enjiri ya Kristo.
- 13 Temumanyi ng'abo abaweereza ebitukuvu balya ku by'omu yeekaalu, n'abo abaweereza ku kyoto bagabana n'ekyoto?
- 14 Era ne Mukama waffe bw'atyo yalagira ababuulira enjiri baliisibwenga olw'enjiri.
- 15 Naye nze sibikozanga ebyo n'ekimu: so siwandiise ebyo kiryoke kinkolerwenga nze bwe kityo kubanga waakiri nze okufa, okusinga omuntu yenna okufuula okwenyumi-riza kwange okw'obwereere.
- 16 Kubanga bwe mbuulira enjiri, siba na kya kwenyumiriza; kubanga nnina okuwaliriz-ibwa; kubanga zinsanze, bwe ssibuulira njiri.
- 17 Kuba oba nga nkola bwe ntyo n'okwagala, mbeera n'empeera: naye oba nga ssikola na kwagala, nateresebwa obuwanika.
- 18 Kale mpeera ki gye nnina? Mbuulira enjiri okugifuula ey'obwereere, nneme okukoleza ddala obuyinza bwange mu njiri.
- 19 Kuba newakubadde nga ndi wa ddembe eri bonna, nneefuula muddu eri bonna, ndyoke nfunenga abangi.
- 20 N'eri Abayudaaya nrafuuka nga Omuyudaaya, nfunenga Abayudaaya; eri abo abafugibwa amateeka nrafuuka ng'afugibwa amateeka, nze kennyini nga sifugibwa mateeka, nfunenga abafugibwa amateeka;
- 21 eri abatalina mateeka nrafuuka ng'atalina mateeka, si butaba na mateeka eri Katonda, naye nga mpulira amateeka eri Kristo, nfunenga abatalina mateeka.
- 22 Eri abanafu nrafuuka munafu, nfunenga abanafu: eri bonna nfuuse byonna, mu byonna byonna ndyoke ndokolenga abamu.
- 23 Era nkola byonna olw'enjiri, ndyoke nzisenga kimu mu yo.
- 24 Temumanyi ng'abadduka mu kuwakana baddukanira ddala bonna, naye aweebwako empeera omu? Muddukenga bwe mutyo mulyoke muweebwe.
- 25 Era buli muntu awakana yeegendereza mu byonna. Kale bo bakola bwe batyo balyoke baweebwe engule eryonooneka, naye ffe etayonooneka.
- 26 Nze kyenva nziruka bwe nti, si ng'amanyi; nnwana bwe nti si ng'akuba ebbanga:
- 27 naye nneebonereza omubiri gwange era ngufuga: mpozzi, nga maze okubuulira abal-ala, nze nzekka nneme okubeera atasiimibwa.

Essuula 10

- 1 Kubanga ssaagala mmwe obutategeera, ab'oluganda, bajjajjaffe bonna bwe baali wansi w'ekire, era bonna bwe baayita mu nnyanja;
- 2 era bonna bwe baabatizibwa eri Musa mu kire ne mu nnyanja;
- 3 era bonna ne balyanga emmere emu ey'omwoyo; era bonna ne banywanga ekyokun-ywa ekimu eky'omwoyo:
- 4 kubanga baanywanga mu lwazi olw'omwoyo olwabagobereranga: n'olwazi olwo lwali Kristo.
- 5 Naye bangi ku bo Katonda teyabasiima: kubanga baazikirizibwa mu ddungu.
- 6 Naye ebyo byali byakulabirako gye tuli, tulemenga okwegomba ebibi, era nga bo bwe beegomba.
- 7 So temubanga basinza ba bifaananyi, ng'abamu ku bo: nga bwe kyawandiikibwa nti Abantu ne batuula okulya n'okunywa, ne bagolokoka okuzannya.
- 8 Era tetwendanga, ng'abamu ku bo bwe baayenda, ne bagwa ku lunaku olumu obukumi bubiri mu enkumi ssatu.
- 9 Era tetukemanga Mukama waffe, ng'abamu ku bo bwe baakema, emisota egyo ne

gibatta.

- 10 Era temwemulugunyanga, ng' abamu ku bo bwe beemulugunya, ne bazikirizibwa omuzikiriza.
- 11 Naye ebyo byababaako abo okubeeranga ebyokulabirako; era byawandiikibwa olw' okutulabulanga ffe abatuukiddwako enkomerero z' emirembe.
- 12 Kale alowooza ng' ayimiridde yeekuumenga aleme okugwa.
- 13 Siwali kukema okubakwata okutali kwa bantu: naye Katonda mwesigwa, ataaba-ganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n' okukemebwa era anas-sangawo n' obuddukiro; mulyoke muyinzenga okugumiikiriza.
- 14 Kale, baganda bange, muddukenga okusinza ebifaananyi.
- 15 Mbagamba ng' abalina amagezi; mulowooze kye njogera.
- 16 Ekikompe eky' omukisa, kye tusabira omukisa, si kwe kusseekimu omusaayi gwa Kristo? Omugaati gwe tumenyaamenya si kwe kusseekimu omubiri gwa Kristo?
- 17 kubanga ffe abangi tuli mugaati gumu, omubiri gumu: kubanga fenna tugabana omu-gaati gumu.
- 18 Mulabe Isiraeri ow' omubiri: abalya ssaddaaka tebassa kimu na kyoto?
- 19 Kale njogera ki? ekiweebwa eri ekifaananyi nga kintu, oba ekifaananyi nga kintu?
- 20 Naye njogera ng' ab' amawanga bye bawayo bawa eri balubaale, so si eri Katonda: nange ssaagala mmwe kubeeranga abasseekimu ne balubaale.
- 21 Temuyinza kunywa ku kikompe kya Mukama waffe ne ku kikompe kya balubaale: temuyinza kugabana ku mmeeza ya Mukama waffe ne ku mmeeza ya balubaale.
- 22 Oba Mukama waffe tumukwasa obuggya? ffe tumusinga amaanyi?
- 23 Byonna birungi; naye ebisaana si byonna. Byonna birungi, naye ebizimba si byonna.
- 24 Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka, wabula ebya munne.
- 25 Buli kye batundanga mu katale, mukiryanga, nga temubuuzizza kigambo olw' omwoyo;
- 26 kubanga ensi ya Mukama waffe, n' okujjula kwayo.
- 27 Omu ku abo abatakiriza bw' abayitanga, nammwe bwe mwagalanga okugenda; ekiteekebwanga mu maaso gammwe mukiryanga, nga temubuuzizza kigambo olw' omwoyo.
- 28 Naye omuntu bw' abagambanganga nti Kino kyaweebwa okubeera ssaddaaka, temukiryanga ku lw' oyo abuulidde, n' olw' omwoyo:
- 29 bwe njogera omwoyo, si gugwo ggwe naye gwa mulala; kubanga eddembe lyange lwaki okusalirwa omusango n' omwoyo gw' omulala?
- 30 Nze bwe ndya n' okwebaza, kiki ekinvumya olw' ekyo kye nneebaza?
- 31 Kale oba nga mulya, oba nga munywa, oba nga mukola ekigambo kyonna kyonna, mukolenga byonna olw' ekitiibwa kya Katonda.
- 32 Temuleetanga ekyesittaza eri Abayudaaya, newakubadde eri Abayonaani, newakubadde eri ekkansa ya Katonda:
- 33 era nga nange bwe sinoonya magoba gange nze, wabula ag' abangi; balyoke balokoke.

Essuula 11

- 1 Mungobererenga nze, nga nange bwe ngoberera Kristo.
- 2 Mbatendereza kubanga munjijukira mu byonna, era munyweza bye mwaweebwa nga bwe nnabibawa.
- 3 Naye njagala mmwe okumanya ng' omutwe gwa buli musajja ye Kristo; n' omutwe gw' omukazi ye musajja; n' omutwe gwa Kristo ye Katonda.
- 4 Buli musajja bw' asaba oba bw' abuulira, omutwe gwe nga gubikkiddwako, aswaza omutwe gwe.

- 5 Naye buli mukazi bw'asaba oba bw'abuulira, omutwe gwe nga tegubikkiddwako, aswaza omutwe gwe: kubanga bwe bumu ddala ng'amwereddwa.
- 6 Kuba oba ng'omukazi tabikkibwako, era asalibwenga enviiri: naye oba nga kya nsonyi omukazi okusalibwanga enviiri oba okumwebwanga, abikkibwengako.
- 7 Kubanga omusajja tekimugwanira kubikkibwanga ku mutwe, kubanga oyo kye kifaananyi n'ekitiibwa kya Katonda: naye omukazi kye kitiibwa ky'omusajja.
- 8 Kubanga omusajja teyava mu mukazi; wabula omukazi ye yava mu musajja:
- 9 era kubanga omusajja teyatondebwa lwa mukazi; wabula omukazi olw'omusajja:
- 10 kyekiva kigwanira omukazi okubangako akabonero ak'okufugibwa ku mutwe gwe olwa bamalayika.
- 11 Era naye omukazi tabeerawo awatali musajja, era omusajja tabeerawo awatali mukazi, mu Mukama waffe.
- 12 Kuba omukazi nga bwe yava mu musajja, era n'omusajja bw'atyo azaalibwa omukazi; naye byonna biva eri Katonda:
- 13 Musale omusango nammwe mwekka: kisaana omukazi asabenga Katonda nga tabikkiddwako?
- 14 Obuzaaliranwa bwokka tebubayigiriza nga omusajja bw'akuza enviiri zimuswaza?
- 15 Naye omukazi bw'akuza enviiri; kye kitiibwa gy'ali: kubanga yaweebwa enviiri ze mu kifo ky'ekyambalo.
- 16 Naye omuntu yenna bw'aba ng'ayagala okuleeta empaka, ffe tetulina mpisa ng'eyo, newakubadde ekanisa za Katonda.
- 17 Naye bwe mbalagira kino ssibatendereza, kubanga temukuaana lwa bulungi wabula olw'obubi.
- 18 Kubanga eky'olubereberye, bwe mukuaanira mu kkanisa, mpulira nga waliwo okwawukana mu mmwe; era nkikkirizaamu.
- 19 Kubanga era n'okwesalamu kikugwanira okubanga mu mmwe, abasiimibwa balyoke balabikenga mu mmwe.
- 20 Kale bwe mukuaanira awamu, tekiyinzika kulya mmere ya Mukama waffe:
- 21 kubanga mu kulya kwammwe buli muntu asooka munne okutoola emmere ye yekka; n'omulala alumwa enjala, n'omulala atamiira.
- 22 Kiki ekyo? temulina nnyumba za kuliirangamu n'okunywerangamu? oba munyooma ekanisa ya Katonda, ne muswaza abatalina nnyumba? Nnaabagamba ntya? nnaabatendereza olw'ekyo? Ssibatendereza.
- 23 Kubanga nze nnaweebwa eri Mukama waffe era ekyo kye nnabawa mmwe, nga Mukama waffe Yesu mu kiro kiri kye yaliirwamu olukwe yatoola omugaati;
- 24 ne yeebaza, n'agumenyamu, n'ayogera nti Guno gwe mubiri gwange oguli ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo olw'okunjijukiranga nze.
- 25 Era n'ekikompe bw'atyo bwe baamala okulya, ng'ayogera nti Ekikompe kino ye ndagaano empya mu musaayi gwange: mukolenga bwe mutyo buli lwe munaanywan-gako, olw'okunjijukiranga nze.
- 26 Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.
- 27 Kyanaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati aba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde.
- 28 Naye omuntu yeekeberenga yekka alyoke alyenga ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe.
- 29 Kubanga alya era anywa, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri.
- 30 Mu mmwe kyemuvudde mubeeramu abangi abanafu n'abalwadde, era bangiko abee-baka:

- 31 Naye singa twesalira omusango ffekka, tetwandisaliddwa musango.
- 32 Naye bwe tusalirwa omusango, tubuulirirwa Mukama waffe, tsuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi.
- 33 Kale, baganda bange, bwe mukugaananga okulya, mulindaganenga.
- 34 Omuntu bw'alumwanga enjala, alyenga eka; okukuaana kwammwe kulemenga okuba okw'ensobi. N'ebirala ndibirongoosa, we ndijjira wonna.

Essuula 12

- 1 Kale nno, ab'oluganda, eby'ebirabo eby'omwoyo ssaagala mmwe obutabitegeera.
- 2 Mumanyi bwe mwali ab'amawanga nga mwakyamizibwanga eri ebifaananyi ebitoogera, nga mukyamizibwa mu ngeri yonna.
- 3 Kyenva mbategeeza nga siwali muntu bw'ayogera mu Mwoyo gwa Katonda agamba nti Yesu akolimiddwa; so siwali muntu ayinza okwogera nti Yesu ye Mukama waffe, wabula mu Mwoyo Omutukuvu.
- 4 Naye waliwo enjawulo z'ebirabo, naye Omwoyo ali omu.
- 5 Era waliwo enjawulo z'okuweereza, era Mukama waffe ali omu.
- 6 Era waliwo enjawulo z'okukola, naye Katonda ali omu, akola byonna mu bonna.
- 7 Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa.
- 8 Kubanga omulala Omwoyo amuweesa ekigambo eky'amagezi; n'omulala aweebwa ekigambo eky'okutegeeranga, ku bw'Omwoyo oyo:
- 9 omulala okukkiriza, ku bw'Omwoyo oyo; n'omulala ebirabo eby'okuwonyanga, ku bw'Omwoyo omu;
- 10 n'omulala okukolanga eby'amagero; n'omulala okubuuliranga; n'omulala okwawulanga emyoyo: omulala engeri z'ennimi; n'omulala okuvvuunuzanga ennimi:
- 11 naye ebyo byonna Omwoyo oyo omu ye abikola, ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala.
- 12 Kuba omubiri nga bwe guli ogumu ne guba n'ebitundu ebingi n'ebitundu byonna eby'omubiri, newakubadde nga bingi, gwe mubiri gumu; era ne Kristo bw'atyo.
- 13 Kubanga mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu, oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna ne tunywesebwa mu Mwoyo omu.
- 14 Kubanga n'omubiri si kitundu kimu, naye bingi.
- 15 Ekigere bwe kyogera nti Kubanga siri mukono, siri wa ku mubiri; olwekyo tekibeera ekitali kya ku mubiri.
- 16 Era okutu bwe kwogera nti Kubanga siri liiso, siri wa ku mubiri; olwekyo tekubeera okutali kwa ku mubiri.
- 17 Omubiri gwonna singa liiso, okuwulira kwandibadde wa? Gwonna singa kuwulira, okuwunyiriza kwandibadde wa?
- 18 Naye kaakano Katonda yassaawo ebitundu buli kinnakimu mu mubiri, nga bwe yagala.
- 19 Era byonna singa kyali kitundu kimu, omubiri gwandibadde wa?
- 20 Naye kaakano ebitundu biri bingi, naye omubiri gumu.
- 21 N'eriiso teriyinza kugamba mukono nti Ggwe sikwetaaga: oba nate omutwe okugamba ebigere nti Mmwe sibeetaaga.
- 22 Naye, ekisinga ennyo, ebitundu bino eby'omubiri ebirowoozebwa okubeera ebinafu byetaagibwa:
- 23 n'ebyo eby'oku mubiri bye tulwooza obutaba na kitiibwa nnyo, bye twambaza ekitiibwa ekisinga obungi: n'ebitundu byaffe ebitali birungi bye bisinga okubeera n'obulungi;

- 24 naye ebirungi byaffe tebyetaaga: naye Katonda yagattira ddala wamu omubiri, ekitundu ekyabulako ng'akiwa ekitiibwa ekisinga obungi;
- 25 walemenga okubeera okwawula mu mubiri; naye ebitundu biyambaganenga bumu byokka na byokka.
- 26 Era ekitundu ekimu bwe kibonaabona, ebitundu byonna bibonerabanera wamu nakyo; oba ekitundu ekimu bwe kigulumizibwa, ebitundu byonna bisanyukira wamu nakyo.
- 27 Naye mmwe muli mubiri gwa Kristo, n'ebitundu byagwo, buli muntu.
- 28 Era Katonda yassaawo mu kkanisa abalala, okusooka batume, ab'okubiri bannabbi, ab'okusatu bayigiriza, nate eby'amagero, nate ebirabo eby'okuwonyanga, abayambi, abafuga, aboogezi b'ennimi.
- 29 Bonna batume? bonna bannabbi? bonna bayigiriza? bonna bakola eby'amagero?
- 30 bonna balina ebirabo eby'okuwonyanga? bonna boogera ennimi? bonna baavvuunula?
- 31 Naye mwegombenga ebirabo ebisinga obukulu. Era mbalaga ekkubo erisinga ennyo obulungi.

Essuula 13

- 1 Bwe njogera n'enaimi z'abantu n'eza bamalayika, naye ne ssiba na kwagala, nga nfuuse ekikomo ekivuga n'ebitaasa ebisaala.
- 2 Era bwe mba ne bunnabbi ne ntegeera ebyama byonna n'okutegeera kwonna; era bwe mba n'okukkiriza kwonna, n'okuggyawo ne nzigyawo ensozi; naye ne ssiba na kwagala, nga ssiri kintu.
- 3 Era bwe ngabira abaavu bye nnina byonna okubaliisanga, era bwe mpaayo omubiri gwange okwokebwa, naye ne ssiba na kwagala, nga ssiriiko kye ngasizza.
- 4 Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza
- 5 tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo;
- 6 tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima;
- 7 kugumiikiriza byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kuzibiikiriza byonna.
- 8 Okwagala tekuggwaawo emirembe gyonna: naye oba bunnabbi, bulivaawo; oba ennimi, zirikoma; oba okutegeera, kulivaawo.
- 9 Kubanga tutegeerako kitundu, era tulagulako kitundu:
- 10 naye ebituukirivu bwe birijja, eby'ekitundu birivaawo.
- 11 Bwe nnali omuto, nnayogeranga ng'omuto, nnategeeranga ng'omuto, nnalowoozanga ng'omuto: bwe nnakula, ne ndeka eby'obuto.
- 12 Kubanga kaakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabika bulungi; naye mu biro biri tulitunulagana n'amaaso: kaakano ntegeerako kitundu; naye mu biro biri nditegeerera ddala era nga bwe nnategeererwa ddala.
- 13 Naye kaakano waliwo okukkiriza, okusuubira, okwagala, ebyo byonsatule; naye ku ebyo ekisinga obukulu kwagala.

Essuula 14

- 1 Mugobererenga okwagala; naye mwegombenga ebirabo eby'omwoyo, naye ekisinga mubuulirenga.
- 2 Kubanga ayogera olulimi tayogera eri bantu, wabula Katonda; kubanga siwali awulira; naye mu mwoyo ayogera byama.
- 3 Naye abuulira ayogera eri abantu ebizimba, n'ebisanyusa, n'ebigumya.
- 4 Ayogera olulimi yeezimba yekka; naye abuulira azimba ekkkanisa.

- 5 Kale mbaagala mwenna mwogerenga ennimi, naye waakiri mubuulirenga: era abuulira ye asinga obukulu ayogera ennimi, wabula ng'ategeeza, ekkansa eryoke ezimbibwe.
- 6 Naye kaakano, ab'oluganda, oba nga ndijja gye muli nga njogera ennimi, ndibagasa ntya; bwe ssiryogera nammwe oba mu kubikkula, oba mu kutegeera, oba mu kubuulira, oba mu kuyigiriza?
- 7 Era n'ebitali biamu, ebireeta, eddoboosi; oba ndere, oba nnanga, bwe bitaleeta kwawula mu kuvuga, kitegeerwa kitya ekifuuyibwa oba ekikubibwa?
- 8 Kubanga n'akagombe bwe kavuga eddoboosi eritategeerekeka, ani alyeteekateeka okulwana?
- 9 Bwe mutyo nammwe bwe mutaaleetenga mu lulimi eddoboosi eriwulikika amangu, ekyogerwa kinaategeerwanga kitya? kubanga mulyogerera mu bbanga.
- 10 Mpozzi waliwo mu nsi engeri z'ennimi bwe ziti, so siwali ngeri eterina makulu.
- 11 Kale bwe ssimanya makulu ga ddoosi, ndibeera ng'ajobaja eri oyo ayogera, n'oyo ayogera alibeera ng'ajobaja eri nze.
- 12 Bwe mutyo nammwe, kubanga mwegomba eby'omwoyo, mwagalenga okweyongerera olw'okuzimba ekkansa.
- 13 Kale ayogera olulimi asabenga ategeezenga.
- 14 Kubanga bwe nsaba mu lulimi, omwoyo gwange gusaba, naye amagezi gange tegabala bibala.
- 15 Kale kiki? nnaasabyanga omwoyo, era nnaasabyanga n'amagezi, nnaayimbyanga mwoyo, era nnaayimbyanga n'amagezi.
- 16 Kubanga bw'osaba omukisa mu mwoyo, abeera mu kifo ky'oyo atamanyi anaddangamu atya nti Amiina olw'okwebaza kwo, bw'atategeera ky'oyogedde?
- 17 Kubanga ggwe weebaza bulungi, naye omulala tazimbibwa.
- 18 Nneebaza Katonda, mbasinga mwenna okwoera ennimi;
- 19 naye mu kkanisa njagala okwogeranga ebigambo bitaano n'amagezi gange, ndyoke njigirizenga n'abalala, okusinga ebigambo akakumi mu lulimi obulimi.
- 20 Ab'oluganda, temubanga baana bato mu magezi: naye mu ttima mubeerenga baana bawere, naye mu magezi mubeerenga bakulu.
- 21 Kyawandiikibwa mu mateeka nti Ndyogera n'abantu bano mu bantu ab'ennimi endala ne mu mimwa gya bannaggwanga; era newakubadde bwe kityo tebalimpulira, bw'ayogera Mukama.
- 22 Ennimi kyeziva zibeera akabonero, si eri abo abakkiriza, wabula eri abatakkiriza: naye okubuulira tekubeera kabonero eri abatakkiriza wabula eri abakkiriza.
- 23 Kale ekkansa yonna bw'eba ng'ekuaanidde wamu, bonna ne boogera ennimi, ne wayingira abatamanyi oba abatakkiriza, tebaligamba nti mulaluse?
- 24 Naye bona bwe babuulira, ne wayingira atakkiriza oba atamanyi, anenyezebwa bonna, asalirwa bonna omusango;
- 25 ebyama eby'omu mutima gwe birabisibwa; era bw'atyo alivuunama amaaso, n'asinza Katonda, ng'ayogera nga Katonda ali mu mmwe ddala.
- 26 Kale kiri kitya, ab'oluganda? Bwe mukuaana, buli muntu alina oluyimba, alina okuyigiriza, alina ekimubikkuliddwa, alina olulimi, alina okutegeeza. Byonna bikolebwenga olw'okuzimba.
- 27 Omuntu bw'ayogeranga olulimi, boogerenga babiri oba nga bangi, basatu, era mu mpalo, era omu avvuunulenga:
- 28 naye oba nga tewali avvuunula, asirikenga mu kkanisa; ayogererenga mu mmeeme ye era ne Katonda.
- 29 Ne bannabbi boogerenga babiri oba basatu, n'abalala baawulenga.
- 30 Naye omulala atudde bw'abikkulirwanga, eyasoose asirikenga.
- 31 Kubanga mwenna muyinza okubuuliranga kinnoomu, bonna bayigenga, era bonna

basanyusibwenga;

- 32 n'emyoyo gya bannabbi gifugibwa bannabbi;
- 33 kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe; nga mu kkanisa zonna ez'abatukuvu.
- 34 Abakazi basirikenga mu kkanisa: kubanga tebalagirwa kwogera; naye bafugibwenga, era nga n'amateeka bwe googera.
- 35 Era bwe baagalanga okuyiga ekigambo, babuulizenga babbaabwe eka: kubanga kya nsonyi omukazi okwogeranga mu kkanisa.
- 36 Oba gye muli ekigambo kya Katonda gye kyava? oba kyatuuka eri mmwe mwekka?
- 37 Omuntu yenna bwe yeerowozanga okuba nnabbi oba wa mwoyo, ategeerenga bye mbawandiikira, nga kye kiragiyo kya Mukama waffe.
- 38 Naye omuntu yenna bw'ategeera, aleme okutegeera.
- 39 Kale baganda bange, mwegombenga okubuuliranga, so temuziyizanga kwogeranga nnimi.
- 40 Naye byonna bikolebwenga nga bwe kisaana era mu mpisa ennungi.

Essuula 15

- 1 Kale mbategeeza, ab'oluganda, enjiri gye nnababuulira, era gye mwaweebwa, era gye munywereramu,
- 2 era gye mulokokeramu; mbategeeza ebigambo bye nnagibuuliriramu, oba nga muginyweza, wabula nga mwakkiririza bwereere.
- 3 Kubanga nnasooka okubawa mmwe era kye nnaweebwa, nga Kristo yafa olw'ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe byogera;
- 4 era nga yaziikibwa; era nga yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera;
- 5 era nga yalabikira Keefa; n'alyoka alabikira ekkumi n'ababiri;
- 6 n'alyoka alabikira ab'oluganda abasingawo ebitaano omulundi gumu, ku abo bangi abakyali abalamu okutuusa kaakano, naye abamu beebaka;
- 7 n'alyoka alabikira Yakobo; n'alyoka alabikira abatume bonna;
- 8 era oluvannyuma lwa bonna n'alabikira nange ng'omwana omusowole.
- 9 Kubanga nze ndi muto mu batume, atasaanira kuyitibwa mutume, kubanga nnayiganyanga ekkansa ya Katonda.
- 10 Naye olw'ekisa kya Katonda bwe ndi bwe ndi; n'ekisa kye ekyali gye ndi tekyali kya bwereere; naye nnakola emirimu mingi okusinga bonna: naye si nze, wabula ekisa kya Katonda ekyali nange.
- 11 Kale oba nze oba bo, bwe tutyo bwe tubuulira, era bwe mutyo bwe mwakkiriza.
- 12 Naye Kristo bw'abuulirwa nga yazuukizibwa mu bafu, abamu mu mmwe boogera batya nga tewali kuzuukira kwa bafu?
- 13 Naye oba nga tewali kuzuukira kwa bafu, era ne Kristo teyazuukizibwa;
- 14 era oba nga Kristo teyazuukizibwa, kale okubuulira kwaffe tekuliimu, so n'okukkiriza kwammwe tekuliimu.
- 15 Era naye tulabika ng'abajulirwa ab'obulimba aba Katonda; kubanga twategeeza Katonda nga yazuukiza Kristo: gw'ataazuukiza, oba ng'abafu tebazuukizibwa.
- 16 Kuba oba ng'abafu tebazuukizibwa, era ne Kristo teyazuukizibwa:
- 17 era oba nga Kristo teyazuukizibwa, okukkiriza kwammwe tekuliiko kye kugasa; mukyali mu bibi byammwe.
- 18 Kale era n'abo abeebaka mu Kristo baabula.
- 19 Oba nga mu bulamu buno bwokka mwe tubeeredde n'essubi mu Kristo, tuli ba kusaasirwa okusinga abantu bonna.

- 20 Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu, gwe mwaka omubereberye ogw'abo abeebaka.
- 21 Kubanga okufa bwe kwabaawo ku bw'omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu kwabaawo ku bwa muntu.
- 22 Kuba bonna nga bwe baafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe bali-fuukira abalamu.
- 23 Naye buli muntu mu kifo kye ye: Kristo gwe mwaka omubereberye; oluvannyuma aba Kristo mu kujja kwe.
- 24 Enkomerero n'eryoka etuuka bw'aliwaayo obwakabaka eri Katonda ye Kitaawe; bw'aliba ng'amaze okuggyawo okufuga kwonna n'amaanyi gonna n'obuyinza.
- 25 Kubanga kimugwanira okufuganga okutuusa lw'alissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye.
- 26 Omulabe ow'enkomerero aliggibwawo, kwe kufa.
- 27 Kubanga kyawandiikibwa nti Yassa byonna wansi w'ebigere bye. Naye bw'ayogera nti Byonna byassibwa wansi, kitegeerekeka ng'oyo teyassibwa wansi eyassa byonna wansi we.
- 28 Naye byonna bwe birimala okussibwa wansi we, era n'Omwana yennyini n'alyoka assibwa wansi w'oyo eyassa byonna wansi we, Katonda alyoke abeerenga byonna mu byonna.
- 29 Kubanga balikola batya ababatizibwa ku lw'abafu? oba ng'abafu tebazuukizibwa ddala, kiki ekibabatizisa ku lw'abo?
- 30 Naffe lwaki okubeera mu kabi buli kaseera?
- 31 Nfa bulijjo, ndayidde okwenyumiriza okwo ku lwammwe, kwe ndi nakwo mu Kristo Yesu Mukama waffe.
- 32 Oba nga nnalwana n'ensolo mu Efeso ng'omuntu obuntu, ngasibwa ntya? Oba ng'abafu tebazuukizibwa, tulye tunywe, kubanga tufa enkya.
- 33 Temulimbwanga: Okukwana n'ababi kwonoona empisa ennungi.
- 34 Mutamiirukukenga mu butuukirivu, so temwonoona; kubanga abalala tebategeera Katonda: njogedde kubakwasa nsonyi.
- 35 Naye omuntu alyogera nti Abafu bazuukizibwa batya? era mubiri ki gwe bajja nagwo?
- 36 Musirusiru ggwe, gy'osiga teba nnamu wabula ng'efa:
- 37 ne gy'osiga, tosigamubiri oguliba, wabula mpeke njereere, mpozzi ya aano, oba ya ngeri ndala;
- 38 naye Katonda agiwa omubiri nga bw'ayagala, era buli nsigo agiwa omubiri gwayo yokka.
- 39 Ennyama yonna si nnyama emu: naye endala ya bantu, n'endala ya nsolo, n'endala ya nnyonyi, n'endala ya byannyanja.
- 40 Era waliwo emibiri egy'omu ggulu n'emibiri egy'omu nsi: naye ekitiibwa eky'egy'omu ggulu kirala, n'eky'egy'omu nsi kirala.
- 41 Ekitiibwa ky'enjuba kirala, n'ekitiibwa ky'omwezi kirala, n'ekitiibwa ky'emmuny-eeenye kirala: kubanga emmunyeeenye teyenkana na ginnaayo kitiibwa.
- 42 Era n'okuzuukira kw'abafu bwe kutyo. Gusigibwa mu kuvunda; guzuukizibwa mu butavunda:
- 43 gusigibwa awatali kitiibwa; guzuukizibwa mu kitiibwa; gusigibwa mu bunafu; guzuukizibwa mu maanyi:
- 44 gusigibwa nga mubiri gwa mukka; guzuukizibwa mubiri gwa mwoyo. Oba nga waliwo omubiri gw'omukka, era waliwo n'ogw'omwoyo.
- 45 Era bwe kityo kyawandiikibwa nti Omuntu ow'olubereberye Adamu yafuuka mukka mulamu. Adamu ow'oluvannyuma yafuuka mwoyo oguleeta obulamu.

- 46 Naye eky'omwoyo tekisooka, wabula eky'omukka; oluvannyuma kya mwoyo.
- 47 Omuntu ow'olubereberye yava mu nsi, wa ttaka: omuntu ow'okubiri yava mu ggulu.
- 48 Ng'oli ow'ettaka bwe yali, era n'ab'ettaka bwe bali bwe batyo: era ng'oli ow'omu ggulu bw'ali; era n'ab'omu ggulu bwe bali batyo.
- 49 Era nga bwe twatwala ekifaananyi ky'oli ow'ettaka, era tulitwala n'ekifaananyi ky'oli ow'omu ggulu.
- 50 Naye kino kye njogera, ab'oluganda, ng'omubiri n'omusaayi tebiyinza kusikira bwak-abaka bwa Katonda so okuvunda tekusikira butavunda.
- 51 Laba, mbabuulira ekyama: tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa,
- 52 mangu ago, nga kutemya kikowe, akagombe ak'enkomerero bwe kalivuga: kubanga kalivuga, n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa.
- 53 Kubanga oguvunda guno, kigugwanira okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa.
- 54 Naye oguvunda guno bwe guliba nga gumaze okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa, ekigambo ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira nti Okufa kumiriddwa mu kuwangula.
- 55 Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa?
- 56 Okuluma kw'okufa kye kibi; n'amaanyi g'ekibi ge mateeka:
- 57 naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.
- 58 Kale, baganda bange abaagalwa, munywerenga obutasagaasagana, nga mwey-ongeranga bulijjo mu mulimu gwa Mukama waffe, kubanga mumanyi ng'okufuba kwammwe si kwa bwereere mu Mukama waffe.

Essuula 16

- 1 Naye okukuaanyizanga ebintu abatukuvu, nga bwe nnalagira ekkansa ez'e Ggalatiya, nammwe mukolenga bwe mutyo.
- 2 Ku lunaku olw'olubereberye mu ssabbiiti buli muntu mu mmwe aterekenga ewuwe nga bw'ayambiddwa, ebintu bireme okukuaanyizibwa lwe ndijja.
- 3 Era bwe ndituuka be mulisiima mu bbaluwa abo be ndituma okutwala ekisa kyammwe mu Yerusaalemi:
- 4 era oba nga kirinsaanira nange okugenda, baligenda nange.
- 5 Naye ndijja gye muli bwe ndiba nga mmaze okuyita mu Makedoni; kubanga ndiyita mu Makedoni:
- 6 naye mpozzi ndituula gye muli katono, oba n'okumala ndimalayo biro bya ttoggo byokka, mmwe mulyoke munsibirire gye ndigenda yonna.
- 7 Kubanga ssaagala kubalaba kaakano nga mpita buyisi: kubanga nsuubira okulwayo katono gye muli, Mukama waffe bw'alikkiriza.
- 8 Naye ndirwayo mu Efeso okutuusa ku Pentekoote;
- 9 kubanga oluggi olunene era olw'emirimu emingi lunziguliddwawo, era abalabe bangi.
- 10 Naye oba nga Timosewo alijja, mulabe abeerenga gye muli awatali kutya; kubanga akola omulimu gwa Mukama waffe era nga nze:
- 11 kale omuntu yenna tamunyoomanga. Naye mumusibirire n'emirembe, ajje gye ndi: kubanga nsuubira okumulaba awamu n'ab'oluganda.
- 12 Naye ebya Apolo ow'oluganda, nnamwegayirira nnyo okujja gye muli awamu n'ab'oluganda: n'atayagalira ddala kujja mu kiseera kino; naye alijja bw'alifuna ebbanga.
- 13 Mutunulenga, munywerenga mu kukkiriza, mubeerenga basajja, mubeerenga ba maanyi.

- 14 Byonna bye mukola bikolebwenga mu kwagala.
- 15 Naye mbeegayirira, ab'oluganda (mumanyi ennyumba ya Suteefana, nga gwe mwaka omubereberye ogw'omu Akaya, era nga beeteeseteese okuweereza abatukuvu),
- 16 nammwe muwulirenga abali ng'abo, na buli muntu akolera awamu naffe afuba.
- 17 Era nsanyukira okujja kwa Suteefana ne Folutunaato ne Akayiko: kubanga ebyabula ku lwammwe baabituukiriza.
- 18 Kubanga baawummuza omwoyo gwange n'ogwammwe: kale mukkirizenga abali ng'abo.
- 19 Ekkansa ez'omu Asiya zibalamusizza. Akula ne Pulisika babalamusizza nnyo mu Mukama waffe; n'ekkanisa eri mu nnyumba yaabwe.
- 20 Ab'oluganda bonna babalamusizza. Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu.
- 21 Kuno kwe kulamusa kwange Pawulo n'omukono gwange.
- 22 Omuntu yenna bw'atayagalanga Mukama waffe, akolimirwenga. Mukama waffe ajja.
- 23 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.
- 24 Okwagala kwange kubeerenga nammwe mwenna mu Kristo Yesu. Amiina.

2 Abakkolinso

Essuula 1

- 1 Paulo, omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda, ne Timoseewo ow'oluganda, eri ekkansa ya Katonda eri mu Kkolinso, awamu n'abatukuvu bonna abali mu Akaya yonna:
- 2 ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 3 Yeebazibwe Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'okusaasira era Katonda ow'okusanyusa kwonna;
- 4 atusanyusa mu buli kibonoobono kyaffe, ffe tulyoke tuyinzenga okusanyusanga abali mu kubonaabona kwonna, n'okusanyusa ffe kwe tusanyusibwa Katonda.
- 5 Kuba ebibonyoobonyo bya Kristo nga bwe byeyongera ennyo gye tuli, era bwe kutyo n'okusanyusibwa kwaffe kweyongera nnyo ku bwa Kristo.
- 6 Naye bwe tubonaabona, tubonaabona olw'okusanyusibwa n'okulokoka kwammwe; era bwe tusanyusibwa, tusanyusibwa olw'okusanyusibwa kwammwe, okuleeta okugumiikiriza ebibonyoobonyo ebyo naffe bye tubonyaabonyezebwa:
- 7 era okusuubira kwaffe kunywera eri mmwe; nga tumanyi nti nga bwe mussa ekimu mu bibonyoobonyo, era bwe mutyo musse ekimu ne mu kusanyusibwa.
- 8 Kubanga tetwagala mmwe obutategeera, ab'oluganda eby'okubonaabona kwaffe okwatubaako mu Asiya, bwe twazitoowererwa ennyo nnyini okusinga amaanyi gaffe, era n'okusuubira ne tutasuubira kuba balamu:
- 9 era ffe bennyini twalimu okuddamu okw'okufa munda mu ffe, tuleme obwesige okubuteeka mu ffe fekka, wabula Katonda azuukiza abafu:
- 10 eyatuwonya mu kufa okunene okwenkana awo, era anaatuwonyanga: era gwe tusuubira edda alituwonya;
- 11 era mmwe bwe mubeera awamu ku lwaffe mu kusaba; bwe tulimala okuweebwa ekirabo olw'abantu abangi, abangi balyoke beebaze ku lwaffe.
- 12 Kubanga okwenyumiriza kwaffe kwe kuno, okutegeeza okw'omwoyo gwaffe, nga mu butukuvu ne mu mazima ga Katonda, si mu magezi ag'omubiri wabula mu kisa kya Katonda, bwe twatambulanga mu nsi era okusinga ennyo eri mmwe.
- 13 Kubanga tetubawandiikira birala wabula ebyo bye musoma era n'okwatula bye mwatula, era nsuubira nga munaabyatulanga okutuusa enkomerero:
- 14 nga n'okwatula bwe mwatwatulako akatono, nti ffe tuli kwenyumiriza kwammwe, era nga nammwe bwe muli gye tuli, ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu.
- 15 Ne mu kusuubira kuno nnali njagala okujja gye muli edda, mulyoke muweebwe ekisa olw'okubiri;
- 16 n'okuyita gye muli okugenda e Makedoni, n'okuva nate e Makedoni okujja gye muli, n'okusibirirwa mmwe okugenda e Buyudaaya.
- 17 Kale bwe nnali njagala bwe ntyo, nnalagaalaganya? oba bye nteesa, mbiteesa kugoberera mubiri, nze okuba n'ebyo nti weewaawo, weewaawo, ate nti si weewaawo, si weewaawo?
- 18 Naye nga Katonda bw'ali omwesigwa, ekigambo kyaffe ekiri eri mmwe si bwe kiti nti weewaawo ate nti si weewaawo.
- 19 Kubanga Omwana wa Katonda, Yesu Kristo, ffe gwe twabuulira mu mmwe, nze ne Sirwano ne Timoseewo, teyali nti weewaawo ate nti si weewaawo, naye mu ye mwe muli weewaawo.
- 20 Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasubiza, mu oyo mwe muli weewaawo: era oyo kyava aleeta Amiina, Katonda atenderezebwe ku bwaffe.

- 21 Naye atunyweza ffe awamu nammwe mu Kristo, era eyatufukako amafuta, ye Katonda;
- 22 era eyatussaako akabonero, n'atuwa omusingo ogw'Omwoyo mu mitima gyaffe.
- 23 Naye nze mpita Katonda okuba omujulirwa w'emmeeme yange, nga kyennava nnema okujja mu Kkolonso, kubanga nnabasaasira.
- 24 Si kubanga tufuga okukkiriza kwammwe, naye tuli bakozi bannammwe ab'essanyu lyammwe: kubanga okukkiriza kwe kubayimiriza.

Essuula 2

- 1 Naye kino nnakimalirira mu mwoyo gwange, obutajja nate na nnaku gye muli.
- 2 Kubanga nze bwe mbanakuwaza, kale ansanyusa ye ani wabula oyo nze gwe nnakuwaza?
- 3 N'ekyo nnakiwandiika bwe ndijja abo baleme okunnakuwaza abagwanira okunsanyusa; kubanga nneesiga mmwe mwenna, ng'essanyu lyange lye lyammwe mwenna.
- 4 Kubanga mu kubonaabona okungi n'okulumwa omutima nnabawandiikira n'amaziga amangi, si lwa ku banakuwaza, naye mutegeere okwagala kwe nnina eri mmwe bwe kuli okungi enyo:
- 5 Naye omuntu bw'aba annakuwazizza, aba tannakuwazizza nze, wabula mmwe mwenna, so si mwenna, nneme okuzitowa ennyo.
- 6 Kunaamumala ali bw'atyo okubonerezebwa okwo okw'abangi;
- 7 kyekivudde kibagwanira mmwe okumusonyiwa obusonyiyi n'okumusanyusa, afaanana bw'atyo mpozzi aleme okumirwa ennaku ze nga ziyinze obungi.
- 8 Kyenva mbeegayirira okunyweza okwagala eri oyo.
- 9 Kubanga era kyennava mpandiika; ndyoke ntegeere okukemebwa kwammwe, oba nga muwulira mu bigambo byonna.
- 10 Naye gwe musonyiwa ekigambo, nange mmusonyiwa: kubanga nange kye nsonyiye, oba nga nsonyiye, nkisonyiye ku lwammwe mu maaso ga Kristo;
- 11 Setaani alemenga kutwekulumbalizaako: kubanga tetuli ng'abatategeera nkwe ze.
- 12 Naye bwe nnajja mu Tulowa olw'enjiri ya Kristo, era oluggi bwe lwanzigulirwawo mu Mukama waffe,
- 13 ssaalaba kuwummula mu mwoyo gwange, olw'obutasanga Tito muganda wange: naye ne mbasiibula ne enda mu Makedoni.
- 14 Naye Katonda yeebazibwe, atutwala bulijjo ng'abawangula mu Kristo, n'atubikkuza evvumbe ery'okumutegeera ye mu buli kifo.
- 15 Kubanga tuli vvumbe ddungi erya Kristo eri Katonda mu abo abalokoka ne mu bo ababula;
- 16 eri abo ababula tuli vvumbe eriva mu kufa erireeta okufa; naye eri bali tuli vvumbe eriva mu bulamu erireeta obulamu. Era ebyo ani abiyinza?
- 17 Kubanga tetuli nga bali abasinga obungi, abatabanguzi b'ekigambo kya Katonda; naye olw'amazima, naye olwa Katonda, mu maaso ga Katonda, bwe tutyo bwe twogera mu Kristo.

Essuula 3

- 1 Tutanula nate okwetendereza fekka? oba twetaaga ebbaluwa, ng'abalala, ez'okutendereza eri mmwe, oba eziva gye muli?
- 2 Mmwe muli bbaluwa yaffe, ewandiikiddwa mu mitima gyaffe abantu bonna gye bategeera, gye basoma;

- 3 nga mulabisibwa okuba ebbaluwa ya Kristo, ffe gye twamuweerezaamu, etaawandiikibwa na bwino, wabula Omwoyo gwa Katonda omulamu; si ku bipande eby'amayinja, wabula ku bipande gye mitima egy'omubiri.
- 4 Era bwe tutyo bwe twesiga Katonda ku bwa Kristo:
- 5 si kubanga fekka tulina obuyinza, okulowooza ekigambo kyonna nga ekiva gye tuli; naye obuyinza bwaffe buva eri Katonda;
- 6 era eyatuyinzisa ng'abweereza b'endagaano empya; si baweereza ba nnukuta, wabula ab'omwoyo: kubanga ennukuta etta; naye omwoyo guleeta obulamu.
- 7 Naye oba nga okuweereza okw'okufa okwali mu nnukuta, okwasalibwa ku mayinja, kwajjira mu kitiibwa, abaana ba Isiraeri n'okuyinza ne batayinza kwekaliriza maaso ga Musa olw'ekitiibwa ky'amaaso ge; ekyali kigenda akuggwaawo:
- 8 okuweereza okw'omwoyo tekulisinga kuba na kitiibwa?
- 9 Kuba oba ng'okuweereza okw'omusango kye kitiibwa, okuweereza okw'obutuukirivu kweyongerera nnyo okusukkiriza ekitiibwa.
- 10 Kubanga ekyaweebwa ekitiibwa tekyakiwebwa mu kigambo kino, olw'ekitiibwa ekisinga ekyo.
- 11 Kuba oba ng'ekyaggwaawo kyalina ekitiibwa, eky'olubeerera kisinga ennyo okuba n'ekitiibwa.
- 12 Kale nga bwe tulina essubi eryenkana awo, twogera n'obuvumu bungu
- 13 so si nga Musa eyeebikkanga ku maaso ge, abaana ba Isiraeri balemenga okwekaliriza enkomerero y'ekyo ekyali kiggwaawo:
- 14 naye amagezi gaabwe gaakanyazibwa: kubanga n'okutuusa leero eky'okubikkako kiri kikyaliwo mu kusomebwa kw'endagaano ey'edda nga tekinnaggibwawo; ekyo kivaawo mu Kristo.
- 15 Naye n'okutuusa leero, ebya Musa bwe bisomebwa, eky'okubikkako kiri ku mutima gwabwe.
- 16 Naye bwe gukyukira Mukama waffe, eky'okubikkako kiggibwawo.
- 17 Naye Mukama waffe gwe Mwoyo: era awaba Omwoyo gwa Mukama waffe we waba eddembe.
- 18 Naye ffe fenna, bwe tumasamasa ng'endabirwamu ekitiibwa kya Mukama waffe amaaso gaffe nga gaggiddwako eky'okubikkako, tufaananyizibwa engeri eri okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, nga ku bwa Mukama waffe Omwoyo.

Essuula 4

- 1 Kale, kubanga tulina okuweereza okwo, nga bwe twasaasirwa, tetuddirira:
- 2 naye twagaana eby'ensonyi ebikisibwa, nga tetutambulira mu bukuusa, so tetukyamyama kigambo kya Katonda; naye olw'okulabisa amazima nga twetendereza eri omwoyo gwa buli muntu mu maaso ga Katonda.
- 3 Naye okubikkibwako oba ng'enjiri yaffe ebikkibwako, ebikkibwako mu abo ababula:
- 4 katonda ow'emirembe gino be yaziba amaaso g'amagezi gaabwe abatakkiriza, omusana gw'enjiri ey'ekitiibwa eya Kristo, oyo kye kifaananyi kya Katonda, gulemenga okubaakira.
- 5 Kubanga tetwebuulira fekka, wabula Kristo Yesu nga ye Mukama waffe, naffe nga tuli baddu bammwe ku lwa Yesu.
- 6 Kubanga Katonda ye yayogera nti Omusana gulyaka mu kizikiza, eyayaka mu mitima gyaffe, okuleeta omusana ogw'okutegeera ekitiibwa kya Katonda mu maaso ga Yesu Kristo.
- 7 Naye obugagga obwo tuli nabwo mu bibya eby'ebbumba, amaanyi amangi ennyo galyoke gavenga eri Katonda, so si eri ffe;

- 8 tutaayizibwa eruuyi n' eruuyi, naye tetunyigirizibwa; tweraliikirira, so si kweraliikirira ddala;
- 9 tuyiggayizibwa, naye tetulekebwa; tumeggebwa, naye tetuzikirira;
- 10 bulijjo nga tutambula nga tulina mu mubiri okuttibwa kwa Yesu, era obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri gwaffe.
- 11 Kubanga ffe abalamu tuweebwayo ennaku zonna eri okufa okutulanga Yesu, era n' obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri gwaffe ogufa.
- 12 Bwe kityo okufa kukolera mu ffe, naye obulamu mu mmwe.
- 13 Naye nga tulina omwoyo guli ogw' okukkiriza, nga bwe kyawandiikibwa nti Nakkiriza, kyennava njogera era naffe tukkiriza, era kyetuva twogera;
- 14 nga tumanyi ng' oyo eyazuukiza Mukama waffe Yesu, era naffe alituzuukiza wamu ne Yesu, era alitwanjulira wamu nammwe.
- 15 Kubanga byonna biri ku bwammwe, ekisa ekyo bwe kyeyongera olw' abangi kiryoke kyongezenga okwebaza Katonda aweebwe ekitiibwa.
- 16 Kyetuva tulema okuddirira; naye newakubadde omuntu waffe w' okungulu ng' aggwaawo, naye omuntu waffe ow' omunda afuuka muggya bulijjo bulijjo.
- 17 Kubanga okubonaabona kwaffe okutazitowa, okw' ekiseera ekya kaakano, kwongerayongerera nnyo okutukolera ekitiibwa ekizitowa eky' emirembe n' emirembe;
- 18 ffe nga tetutunuulira ebirabika, wabula ebitalabika: kubanga ebirabika bya kiseera; naye ebitalabika bya mirembe na mirembe.

Essuula 5

- 1 Kubanga tumanyi nti, oba ng' ennyumba yaffe ey' ensiisira ey' omu nsi eryabizibwa, tulina eyazimbibwa eva eri Katonda, ennyumba etaazimbibwa na mikono, ey' emirembe n' emirembe, ey' omu ggulu.
- 2 Kubanga tusindira mu eno, nga twegomba okwambazibwa ennyunba yaffe eriva mu ggulu:
- 3 bwe tulyambazibwa, mpozzi tuleme okusangibwa nga tuli bwereere.
- 4 Kubanga ffe abali mu nsiisira eno tusinda, nga tuzitoowererwa; si kubanga twagala okwambula, wabula okwambazibwa, ogwo ogufa gulyoke gumirwe obulamu.
- 5 Naye eyatukolera ekyo ye Katonda, eyatuwa omusingo ogw' Omwoyo.
- 6 Kyetuva tuguma omwoyo ennaku zonna, era tumanya nga bwe tuba mu mubiri tuba wala Mukama waffe
- 7 (kubanga tutambula olw' okukkiriza, si lwa kulaba);
- 8 tuguma omwoyo, era kino kye tusinga okwagala, okuba ewala omubiri n' okubeera Mukama waffe gy' ali.
- 9 Era kyetuva tufuba, oba nga tukyali muno, oba nga tuli wala, okusiimibwa ye.
- 10 Kubanga ffe fenna kitugwanira okulabisibwa Kristo w' alisalira emisango; buli muntu aweebwe bye yakola mu mubiri, nga bwe yakola, oba birungi oba bibi.
- 11 Kale, bwe tumanya entiisa ya Mukama waffe, tusendasenda abantu, naye tulabisibwa eri Katonda: era nsuubira nga tulabisibwa ne mu myoyo gyammwe.
- 12 Tetwetendereza nate eri mmwe, wabula okubawa mmwe kye munaasinziirangako okwenyumirizanga ku lwaffe, mulyoke mubenga n' eky' okubaddamu abeenyumiriza mu maaso, so si mu mutima.
- 13 Kuba oba nga tulaluse, tulaluse eri Katonda; oba nga twegendereza, twegendereza eri mmwe.
- 14 Kubanga okwagala kwa Kristo kutuwaliriza, nga tulowooza bwe tuti ng' omu yabafirira bonna, bonna kyebaava bafa;
- 15 naye yafirira bonna, abalamu balemenga okubeera abalamu nate ku bwabwe bokka,

wabula ku bw'oyo eyabafirira n'azuukira.

- 16 Okusooka leero kyetuva tulema okumanya omuntu yenna mu mubiri: okumanya newakubadde nga twamanya Kristo mu mubiri, naye kaakano tetukyamumanya nate bwe tutyo.
- 17 Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya.
- 18 Naye byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya; nti
- 19 Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini, nga tababalira byonoono byabwe, era nga yatuteresha ffe ekigambo eky'okutabaganya.
- 20 Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira mu ffe: tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda.
- 21 Ataamanya kibi, yamufuula ekibi ku lwaffe; ffe tulyoke tufuuke obutuukirivu bwa Katonda mu ye.

Essuula 6

- 1 Era bwe tukolera emirimu awamu naye tubeegayirira obutaweera bwereere kisa kya Katonda
- 2 (kubanga ayogera nti Mu biro eby'okukkirizibwamu nnakuwulira, Ne ku lunaku olw'obulokozi nnakuyamba: laba, kaakano bye biro eby'okukkirizibwamu; laba, kaakano lwe lunaku olw'obulokozi):
- 3 nga tetuleeta nkonge yonna mu kigambo kyonna, okuweereza kwaffe kulemenga okunenyezebwa;
- 4 naye mu byonna nga twetendereza ng'abaweereza ba Katonda, mu kugumiikiriza okungi, mu bibonoobono, mu kwetaaga, mu nnaku,
- 5 mu kukubibwa, mu kusibibwa, mu kukaayana, mu kufuba, mu kutunula, mu kusiiba;
- 6 mu bulongoofu, mu kutegeera, mu kugumiikiriza, mu kisa, mu Mwoyo Omutukuvu, mu kwagala okutaliimu bunnanfuusi;
- 7 mu kigambo eky'amazima, mu maanyi ga Katonda; olw'ebiyokulwanyisa eby'obutuukirivu mu mukono ogwa ddyo n'ogwa kkono,
- 8 olw'ekitiibwa n'olw'okunyoomebwa, elw'okuvumibwa n'olw'okusiimibwa; ng'abalimba, era naye ab'amazima;
- 9 ng'abatategeerebwa, era naye abategeerebwa ennyo; ng'abafa, era, laba, tuli balamu; ng'ababonerezebwa, era ne tutattibwa;
- 10 ng'abanakuwala, naye abasanyuka bulijjo; ng'abaavu, naye abagaggawaza abangi; ng'abatalina kintu, era naye abalina ddala byonna.
- 11 Akamwa kaffe kaasamiddwa eri mmwe, Abakkolinso, omutima gwaffe gugaziye.
- 12 Temufunze mu ffe, naye mufunze mu myoyo gyammwe.
- 13 Naye mulyoke munsasule bwe mutyo (mbabuulira ng'abaana bange), nammwe mugaziwe.
- 14 Temwegattanga na batakkiriza kubanga temwenkanankana: kubanga obutuukirivu n'obujeemu bugabana butya? oba omusana gussa kimu gutya n'ekizikiza?
- 15 Era Kristo atabagana atya ne Beriyali? oba mugabo ki eri omukkiriza n'atali mukkiriza?
- 16 Era yeekaalu ya Katonda yeegatta etya n'ebifaananyi? kubanga ffe tuli yeekaalu ya Katonda omulamu; nga Katonda bwe yayogera nti Nnaabeeranga mu bo, ne ntambuliranga mu bo; nange nnaabeeranga Katonda waabwe, nabo banaabeeranga bantu bange.
- 17 Kale Muve wakati w'abo, mweyawule, bw'ayogera Mukama: So temukomanga ku

kintu ekitali kirongoofu; Nange ndibasembeza.

- 18** Era nnaabeeranga Kitammwe gye muli, Nammwe munaabeeranga gye ndi abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, bw'ayogera Mukama Omuyinza w'ebintu byonna.

Essuula 7

- 1** Kale bwe tulina ebyasuubizibwa ebyo, abaagalwa, twenaazengako obugwagwa bwonna obw'omubiri n'obw'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda.
- 2** Mutukkirize: tetwonoona muntu yenna, tetuguliriranga muntu yenna, tetulyazaa-maanyanga muntu yenna:
- 3** Soogedde kubanenya: kubanga edda nnayogera nga muli mu mitima gyaffe okufiira awamu nammwe n'okubeera abalamu awamu nammwe.
- 4** Njogera n'obuvumu bungi eri mmwe, nneenyumiriza nnyo ku lwammwe: njjudde nnyo essanyu, nsukkiridde okujaguza mu bibonoobono byaffe byonna.
- 5** Kubanga era bwe twajja mu Makedoni, omubiri gwaffe ne gutalaba kuwummula n'akatono, naye ne tubonaabona eruuyi n'eruuyi; ebweru yaliyo entalo, munda mwalimu okutya.
- 6** Naye asanyusa abawombeefu ye Katonda, n'atusanyusa ffe, olw'okujja kwa Tito;
- 7** so si lwa kujja kwe kwokka, era naye olw'okusanyusibwa kwe yasanyusibwa mu mmwe, bwe yatubuulira okwegomba kwammwe, okunakuwala kwammwe, okunyiikira kwammwe ku lwange; nange kyennava nneeyongerera okusanyuka.
- 8** Kuba newakubadde nga nnabanakuwaza n'ebbaluwa yange, sejjusa, newakubadde nga namala okwejjusa; kubanga ndabye ng'ebbaluwa eyo yabanakuwaza, newakubadde nga yabanakuwaza kaseera.
- 9** Kaakano nsanyuse, sisanyuse kubanga mwanakuwazibwa, naye kubanga mwanakuwala n'okwenenya ne mwenenya: kubanga mwanakuwala eri Katonda, muleme okufiirwa mu kigambo kyonna ku bwaffe.
- 10** Kubanga okunakuwala eri Katonda kuleeta okwenenya okw'obulokozi okutejjusibwa: naye okunakuwala okw'omu nsi kuleeta okufa.
- 11** Kubanga, laba, okunakuwala okwo eri Katonda nga kwabaleetera okufuba okungi, era n'okuwoza ensonga yammwe, era n'okusunguwala, era n'okutya, era n'okwegomba, era n'okunyiikira, era n'okuwalana eggwanga! Mu byonna mwetegeeza nga muli balongoofu mu kigambo ekyo.
- 12** Kale newakubadde nga nnabawandiikira, ssaawandiika ku lw'oyo eyakola obubi; newakubadde ku lw'oyo eyakolwa obubi, wabula okunyiikira kwammwe ku lwaffe kulyoke kulabisibwe eri mmwe mu maaso ga Katonda.
- 13** Kyetwava tusanyusibwa: ne mu kusanyusibwa kwaffe, ne tweyongerera nnyo okusanyuka olw'essanyu lya Tito, kubanga omwoyo gwe gwawummuzibwa mmwe mwenna.
- 14** Kuba oba nga nneenyumiriza mu kigambo kyonna ku lwammwe eri oyo, ssaakwati-bwa nsonyi; naye nga bwe twababuulira byonna mu mazima, era bwe kutyo n'okwenyumiriza kwaffe eri Tito kwali kwa mazima.
- 15** N'okwagala kwe okw'omunda kweyongerera nnyo nnyini okubeera gye muli, ng'ajjukira okugonda kwammwe mwenna, bwe mwamusembeza n'okutya n'okukankana.
- 16** Nsanyuse kubanga mu byonna nguma omwoyo mu mmwe.

Essuula 8

- 1** Era tubategeeza, ab'oluganda, ekisa kya Katonda ekyaweebwa mu kkanisa ez'e

Makedoni;

- 2 mu kubonaabona okwabakema ennyo essanyu lyabwe eryasukkirira, n'obwavu bwabwe obwayinga obungi byasukkirira mu bugagga obw'obugabi bwabwe.
- 3 Kubanga, ntegeeza bo, baagaba bokka nga bwe baayinza era n'okusinga obuyinza bwabwe,
- 4 nga batusaba n'okwegayirira okungi olw'ekisa ekyo n'okussa ekimu okwo mu kuweereza abatukuvu;
- 5 so si nga bwe nnali ndowooza, naye baasooka okwewaayo bokka eri Mukama waffe, n'eri ffe mu kwagala kwa Katonda.
- 6 Kyetwava tubuulirira Tito, nga bwe yatanula edda, era bw'aty o alyoke akituukirize era n'ekisa ekyo gye muli.
- 7 Naye nga bwe musukkirira mu byonna, mu kukkiriza, ne mu kwogera, ne mu kutegeera, ne mu kufuba kwonna, ne mu kwagala kwammwe eri ffe, era musukkirirenga ne mu kisa ekyo.
- 8 Soogera nga mbalagira bulagizi, wabula olw'okufuba kw'abalala nga nkema okwagala kwammwe nga kwa mazima.
- 9 Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe.
- 10 Era mbagambye kye ndowooza olw'ekyo: kubanga kibasaanira mmwe, abaasooka okutanula, si kukola kwokka, era naye n'okwagala, nga mwakamala omwaka gumu.
- 11 Naye kaakano mutuukirize n'okukola; nga bwe waaliwo okwagala amangu, era n'oku-tuukiriza bwe kutyo kulyoke kubeerewo, nga bwe muyinza.
- 12 Kuba oba nga waliwo okwagala amangu, kukkirizibwa ng'omuntu bw'alina, si nga bw'atalina.
- 13 Kubanga soogedde bwe ntyo, abalala bawummuzibwe, nammwe muteganyizibwe:
- 14 wabula olw'okwenkanankana, okusukkirira kwammwe kuweereze okwetaaga kwabwe kaakano mu biro bino, era n'okusukkirira kwabwe kulyoke kuweereze okwetaaga kwammwe; okwenkanankana kubeerewo:
- 15 nga bwe kyawandiikibwa nti Eyakuanyanga ennyingi, teyasigazangawo; naye eyakuaanyanga akatono, teyeetaaganga.
- 16 Naye Katonda yeebazibwe, eyassa mu mutima gwe Tito okufuba okwo ku lwammwe.
- 17 Kubanga okukkiriza akkirizza okubuulirira kwaffe; kubanga naye yennyini alina okufuba okungi, asitula okugenda gye muli nga yeetuma.
- 18 Era tutuma wamu naye ow'oluganda, atenderezebwa mu njiri mu kkanisa zonna;
- 19 so si ekyo kyokka, era so naye oyo ye yalondebwa ekkkanisa okutambula naffe olw'ekisa ekyo, kye tuweereza ffe Mukama waffe aweebwe ekitiibwa, era tulage okwagala kwaffe amangu:
- 20 nga twewala ekyo, omuntu obutatunenya olw'ekirabo kino kye tuweereza:
- 21 kubanga tuteekateeka ebirungi, si mu maaso ga Mukama waffe mwokka, era naye ne mu maaso g'abantu.
- 22 Era tutuma wamu nabo muganda waffe, gwe twakemanga emirundi emingi mu bigambo ebingi nga munyiikivu, naye kaakano munyiikivu nnyo okusingawo, olw'okwesiga okungi kw'alina eri mmwe.
- 23 Omuntu bw'anaabuuzanga ebya Tito, ye assa ekimu nange era ye mukozi munnange eri mmwe; oba bya baganda baffe, be babaka ab'ekkanisa, abo kye kitiibwa kya Kristo.
- 24 Kale mubalage mu maaso g'ekkanisa ekiraga okwagala kwammwe n'okwenyumiriza kwaffe ku lwammwe.

Essuula 9

- 1 Kubanga eby'okuweereza abatukuvu tekinneetaagisa kubibawandiikira:
- 2 kubanga mmanyi okwagala kwammwe, kwe nneenyumiririzaamu eri ab'e Makedoni ku lwammwe, nga Akaya yaakamala omwaka gumu okweteekateeka; n'okunyiikira kwammwe kwakubiriza bangi mu bo.
- 3 Naye ntuma ab'oluganda, okwenyumiriza kwaffe ku lwammwe kuleme okuba okw'obwereere mu kigambo ekyo; nga bwe njogedde, mulyoke mweteeketeke:
- 4 mpozzi ab'e Makedoni abalala bwe balijja nange, bwebalibasanga nga temweteese-teese, ffe (obutoogera mmwe) tuleme okukwatibwa ensonyi mu kusuubira okwo.
- 5 Kyenvudde ndowooza nga kiwanidde okwegayirira ab'oluganda, bankulembere: okujja gye muli, basooke balongoose omukisa gwammwe gwe mwasuubiza edda, gulyoke gweteeketeke, ng'omukisa, so si ng'ekisoloozebwa.
- 6 Naye kye njogedde kino nti Asiga entono, alikungula ntono; era asiga ennyingi, alikungula nnyingi.
- 7 Buli muntu akolenga nga bw'amaliridde mu mutima gwe; si lwa nnaku, newakubadde olw'okuwalirizibwa: kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu.
- 8 Era Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli mmwe nga mulina ebibamala byonna ennaku zonna mu bigambo byonna mulyoke musukkirirenga mu bikolwa byonna ebirungi:
- 9 nga bwe kyawandiikibwa nti Yasasaanya, yagabira abaavu; Obutuukirivu bwe bwa lubeerera emirembe gyonna.
- 10 Era oyo awa ensigo omusizi n'emmere ey'okulya, anaabawanga, anaabongerangako ensigo zammwe; era anaayazanga ebibala eby'obutuukirivu bwammwe:
- 11 nga mugaggawazibwa mu byonna mukolenga obugabi bwonna, obwebazisa Katonda mu ffe.
- 12 Kubanga okugaba okw'okuweereza okwo tekujjula bujjuzi ekigera ky'ebyo abatukuvu bye beetaaga, era naye kusukkirira olw'okwebaza okungi eri Katonda;
- 13 kubanga olw'okukemebwa kwammwe mu kuweereza kuno batendereza Katonda olw'okugonda okw'okwatula kwammwe eri enjiri ya Kristo, n'olw'obugabi bw'okugabana kwammwe eri bo n'eri bonna;
- 14 era bo bokka nga balumirwa mmwe emyoyo mu kubasabira olw'ekisa kya Katonda ekitasingika mu mmwe:
- 15 Katonda yeebazibwe olw'ekirabo kye ekitayogerekeka.

Essuula 10

- 1 Naye nze kennyini Pawulo mbeegayirira olw'obukkakkamu n'obuwombeefu bwa Kristo, nze gwe mutoowaza bwe mba ssiriiwo mpitibwa muzira;
- 2 kale mbeegayirira bwegayirizi, lwe ndibaawo nneme okubalaga obuzira obwo bwe ndowooza okuba nabwo eri abalala abalowooza nga ffe tutambuIa okugobereranga omubiri.
- 3 Kuba newakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana kugobereranga mubiri
- 4 (kubanga ebyokulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye bya maanyi eri Katonda olw'okumenya ebigo);
- 5 nga tumenya empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemula buli kirowoozo okuwulira Kristo;
- 6 era nga tweteeseteese okuwalana eggwanga ku butagonda bwonna, okugonda kwammwe bwe kuluuukirira.
- 7 Mutunuulire ebintu nga bwe biri. Omuntu yenna bwe yeewulira muli nga wa Kristo

- yeerowooze kino nate yekka nti nga ye bw'ali owa Kristo, era naffe bwe tutyo.
- 8 Kubanga ne bwe ndisukkirira okwenyumiriza olw'obuyinza bwaffe (Mukama waffe bwe yatuwa olw'okubazimba, so si lwa kubasuula), ssirikwatibwa nsonyi:
 - 9 nneme okufaanana ng'abatiisa n'ebbaluwa zange.
 - 10 Kubanga boogera nti Ebbaluwa ze nzibu, za maanyi; naye bw'abaawo omubiri gwe munafu, n'okwogera kwe si kintu.
 - 11 Ali bw'atyo alowooze kino nti nga bwe tuli mu bigambo mu bbaluwa nga tetuliiyo, era bwe tutyo bwe tuli mu bikolwa nga tuli eyo.
 - 12 Kubanga tetwaanga kwerowooza nga tuli ku muwendo gw'abalala ku bo abee-tendereza bokka newakubadde okwegeraageranya nabo: naye bo bokka nga beegeza bokka na bokka, era nga beegeraageranya bokka na bokka, tebalina magezi.
 - 13 Naffe ffe tetulyenyumiriza okusinga ekigera kyaffe, wabula mu kigera eky'ensalo Katonda gye yatugabira okuba ekigera, era n'okutuuka ne gye muli:
 - 14 Kubanga tetukununkiriza kusinga kigera ng'abatatuuka gye muli: kubanga era twajja n'okutuuka gye muli mu njiri ya Kristo:
 - 15 nga tetwenyumiriza kusinga kigera kyaffe mu mirimu egy'abalala: naye nga tusuubira, okukkiriza kwammwe bwe kukula okugulumizibwa mu mmwe ng'ensalo yaffe bw'eri okusukkirira,
 - 16 era n'okubuulira enjiri mu bifo ebiri ewala okusinga mmwe, era obuteenyumiriza mu nsalo ey'abalala olw'ebyeteeseese.
 - 17 Naye eyeenyumiriza yeenyumirizenga mu Mukama waffe.
 - 18 Kubanga eyeetendereza yekka si ye asiimibwa, wabula Mukama waffe gw'atendereza.

Essuula 11

- 1 Singa mungumiikirizza mu busirusiru obutono; era naye mungumiikirize.
- 2 Kubanga mbakwatirwa obuggya bwa Katonda: kubanga nnabafumbiza bbammwe omu, ndyoke mbaleete eri Kristo nga omuwala omulongoofu.
- 3 Naye ntidde, ng'omusota bwe gwalimbalimba Kaawa mu bukuusa bwagwo, mpozzi ebirowoozo byammwe okwonoonebwanga mu kulaba wamu ne mu bulongoofu ebiri eri Kristo.
- 4 Kuba oyo ajja bw'abuulira Yesu omulala gwe tutaabuulira, oba bwe muweebwa omwoyo omulala gwe mutaaweebwa, oba njiri ndala, gye mutakkiriza, mukola bulungi okumugumiikiriza.
- 5 Kubanga ndowooza nga sasingibwa n'akatono abatume abakulu ennyo.
- 6 Naye newakubadde nga ndi muligo mu bigambo, naye ssiri muligo mu kutegeera; naye mu byonna twakwolesa mu bantu bonna eri mmwe.
- 7 Oba nnayonoona bwe nneetoowaza nzekka mmwe mugulumizibwe kubanga nnababuulira enjiri ya Katonda ey'obwereere?
- 8 Nnanyaga ekkansa endala, nga mpeebwa empeera olw'okubaweereza mmwe;
- 9 era bwe nnabanga nammwe nga nneetaaga, ssazitoowereranga muntu yenna; kubanga ab'oluganda bwe baava mu Makedoni, baatuukiriza ebyali bimbuzi; ne mu byonna nneekuuma obutabazitoowereranga, era nneekuuma bwe ntyo.
- 10 Ng'amazima ga Kristo bwe gali mu nze, siwali alinziyiza okwenyumiriza okwo mu nsalo ez'e Yakaya.
- 11 Lwaki? kubanga sibaagala? Katonda amanyi.
- 12 Naye bwe nkola, era bwe nnaakolanga, mbaggirewo awasinziirwa abo abaagala awasinziirwa, balabike era nga ffe mu kigambo kye beenyumiririzaamu.
- 13 Kubanga abali ng'abo be batume ab'obulimba, abakozi ab'obukuusa, abeefaananya ng'abatume ba Kristo.

- 14 So si kya magero; kubanga ne Setaani yeefaanya nga malayika ow'omusana.
- 15 Kale si kitalo era n'abaweereza be bwe beefaanya ng'abaweereza ab'obutuukirivu; enkomerero yaabwe eribeera ng'ebikolwa byabwe.
- 16 Njogera nate nti Omuntu yenna aleme okundowooza nga ndi musirusiru; naye oku-lowooza bwe mundowooza bwe mutyo, naye munsembeze ng'omusirusiru, nange nneenyumirizeeko akatono.
- 17 Kye njogera, sikyogera nga kigambo kya Mukama waffe, naye nga mu busirusiru, mu buvumu buno obw'okwenyumiriza.
- 18 Kubanga bangi abeenyumiriza mu mubiri, nange nneenyumiriza.
- 19 Kubanga mugumiikiriza n'essanyu abasirusiru, kubanga mmwe muli bagezigezi.
- 20 Kubanga mugumiikiriza omuntu, bw'abafuula abaddu, bw'abamira, bw'abawamba, bwe yeegulumiza, bw'abakuba amaaso.
- 21 Njogedde olw'okweswaza, ng'abanafuwala. Naye omuntu yenna ky'agumira (njogera mu busirusiru), nange nguma.
- 22 Bo Baebbulaniya? nange. Bo Baisiraeri? nange. Bo zzadde lya Ibulayimu? nange.
- 23 Bo baweereza ba Kristo? (njogera ng'omulalu) nze mbasinga; mu kufuba mba-sukkirira, mu kusibibwa mbasukkirira, mu kukubibwa okuyingirira ennyo, mu kufa emirundi emingi.
- 24 Eri Abayudaaya nnakubibwa emirundi etaano emiggo amakumi asatu mu mwenda.
- 25 Emirundi esatu nnakubibwa enga, omulundi gumu nnakasuukirirwa amayinja, emirundi esatu eryato lyamenyeka, nnsula ne nsiiba mu buziba;
- 26 mu kutambulanga emirundi emingi, mu bubu obw'emigga, mu bubu obw'abanyazi, mu bubu obuva eri eggwanga lyange, mu bubu obuva eri ab'amawanga, mu bubu obw'omu kibuga, mu bubu obw'omu ddungu, mu bubu obw'omunyanja, mu bubu obw'ab'oluganda ab'obulimba;
- 27 mu kufuba n'okukoowa, mu kutunulanga emirundi emingi, mu njala n'ennyonta, mu kusiibanga emirundi emingi, mu mpewo n'okubeera obwereere.
- 28 Obutassaako bya bweru, waliwo ekinzitoowerera bulijjo bulijjo, okwerariikiriranga olw'ekkanisa zonna.
- 29 Ani omunafu, nange bwe ssiba munafu? ani eyeesittazibwa, nange bwe ssaaka?
- 30 Oba nga kiwanidde okwenyumiriza, nneenyumirizanga olw'eby'obunafu bwange.
- 31 Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu, eyeebazibwa emirembe gyonna, amanyi nga ssirimba.
- 32 Mu Ddamasiko ow'essaza owa Aleta kabaka yateega ekibuga eky'Abadamasiko, alyoke ankware:
- 33 ne bampisa mu ddirisa nga ndi mu kiseru ku bbugwe, ne ndokoka okuva mu mikonye.

Essuula 12

- 1 Kiwanidde okwenyumiriza, newakubadde nga tekusaana; naye ka ende mu kwolesebwa n'okubikkulirwa kwa Mukama waffe.
- 2 Mmanyi omuntu mu Kristo, eyaakamala emyaka ekkumi n'ena (oba mu mubiri, ssimanyi; oba awatali mubiri, ssimanyi; Katonda amanyi), okutwalibwa omuntu ali bw'atyo mu ggulu ery'okusatu.
- 3 Era, mmanyi omuntu ali bw'atyo (oba mu mubiri, oba awatali mubiri, ssimanyi; Katonda amanyi),
- 4 bwe yatwalibwa mu lusuku lwa Katonda, n'awulira ebigambo ebitayogerekeka, ebitasaanira muntu kubyatula.
- 5 Ku bw'omuntu ali bw'atyo nneenyumirizanga: naye ku bwange ssiryenyumiriza,

wabula mu by'obunafu bwange.

- 6 Kuba singa nayagala okwenyumirizanga, ssandibadde musirusiru; kubanga nandyogedde amazima: naye ndeka, omuntu yenna alemenga okundowooza okusinga bw'andaba oba bw'ampulira.
- 7 N'olw'obukulu obusinga ennyo obw'ebyo ebyabikkulibwa, nnemenga okugulumizibwa ennyo, kyennava mpeebwa eriggwa mu mubiri, omubaka wa Setaani okunkubanga, nnemenga okugulumizibwa ennyo.
- 8 Olw'ekigambo ekyo nneegayirira Mukama waffe emirundi esatu, kinveeko.
- 9 N'aamba nti Ekisa kyange kikumala: kubanga amaanyi gange gatukiririra mu bunafu. Kyennaavanga nneenyumiriza n'essanyu eringi olw'eby'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke gasiisire ku nze.
- 10 Kyenva nsanyukira eby'obunafu, okugirirwanga eky'ejo, okwetaaganga, okuyigganyizibwanga, okutegananga, okulangi bwanga Kristo: kubanga bwe mba omunafu, lwe mba ow'amaanyi.
- 11 Nfuuse musirusiru: mmwe mwampaliriza; kubanga nnagwanira okutenderezibwa mmwe; kubanga ssaasingibwa mu kigambo kyonna abatume abakulu ennyo, newakubadde nga nze siri kintu.
- 12 Mazima obubonero obw'omutume bwakolerwanga ewammwe mu kugumiikiriza kwonna, mu bubonero n'eby'amagero n'eby'amaanyi.
- 13 Kubanga kiki ekkanisa endala kye zaabasingiramu, wabula nze nzekka obutabazitooweranga? munsonyiwe ekyonoono ekyo.
- 14 Laba, omulundi ogw'okusatu kaakano nneeteeseteese okujja gye muli; so siribazitoowerera: kubanga sinoonya byammwe, wabula mmwe: kubanga tekigwanira abaana okuterekeranga abakadde, wabula abakadde okuterekeranga abaana.
- 15 Era ndiwaayo era ndiweebwayo n'essanyu eringi olw'obulamu bwammwe. Bwe nsinga okubaagala ennyo, njagalibwa katonono?
- 16 Naye si musango, nze ssaabazitoowerera, naye, bwe nnali omugerengetanya, naba-teega mu lukwe.
- 17 Omuntu yenna gwe nnabatumira nnamufunya amagoba eri mmwe?
- 18 Nnabuulirira Tito, ne ntuma ow'oluganda awamu naye. Tito yafuna amagoba eri mmwe? tetwatambula n'Omwoyo omu? tetwatambulira mu kisinde kimu?
- 19 Obw'edda mulowoozezza nga ffe tubawoleza ensonga. Mu maaso ga Katonda twogera mu Kristo. Naye byonna, abaagalwa, bya kubazimba mmwe.
- 20 Kubanga ntidde, bwe ndijja, mpozzi okubasanga nga mufaanana nga bwe ssaagala, nange mmwe muleme okunsanga nga nfaanana nga bwe mutayagala; mpozzi okubeera eyo okuyomba, obuggya, obusungu, empaka, okulyolyoma, okugeya, okwegulumiza, okujeema;
- 21 bwe ndijja nate, Katonda wange aleme okuntoowaza eri mmwe, nange okubanakuwalira abangi abaayonoona edda ne bateenya obugwagwa n'obwenzi n'obukaba bwe baakola.

Essuula 13

- 1 Kaakano njija gye muli omulundi ogw'okusatu. Mu kamwa k'abajulirwa ababiri oba basatu buli kigambo kirinywera.
- 2 Nnalaalika era ndaalika, nga bwe nnakola bwe nnali eyo omulundi ogw'okubiri, era ne kaakano bwe ntyo nga ssiriyo, mbagamba abo abaayonoona edda n'abalala bonna, nti bwe ndijja nate, ssirisaasira;
- 3 kubanga munoonya ekitegeeza nga Kristo ayogerera mu nze; atali munafu eri mmwe, naye alina amaanyi mu mmwe:

- 4 kubanga yakomererwa olw'obunafu, naye mulamu olw'amaanyi ga Katonda. Kubanga naffe tuli banafu mu ye, naye tuliba balamu awamu naye olw'amaanyi ga Katonda eri mmwe.
- 5 Mwekebere mwekka oba nga muli mu kukkiriza; mwekeme mwekka. Oba temwetegeera mwekka nga Yesu Kristo ali mu mmwe? wabula nga muli abatasiimibwa.
- 6 Naye nsuubira nga mulitegeera nga ffe tetuli batasiimibwa.
- 7 Era tusaba Katonda mmwe mulemenga okukola obubi bwonna; si ffe okulabika ng'abasiimibwa, wabula mmwe okukolanga obulungi ffe ne bwe tulibeera ng'abatasiimibwa.
- 8 Kubanga tetuyinza kuziyiza mazima, wabula okugayamba.
- 9 Kubanga tusanyuka ffe bwe tuba abanafu, nammwe bwe muba n'amaanyi: era na kino tukisaba, mmwe, okutuukirira.
- 10 Kyenvudde mpandiika ebyo nga ssiri eyo, bwe mbeera eyo nneme okuba omukambwe, ng'obuyinza bwe buli Mukama waffe bwe yampa olw'okuzimba, so si lwa kumenya.
- 11 Eky'enkomerero, ab'oluganda, mweraba. Mutuukirire; musanyusibwe; mulowooze bumu; mubeere n'emirembe: ne Katonda ow'okwagala n'emirembe anaabanga nammwe.
- 12 Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu.
- 13 Abatukuvu bonna babalamusizza.
- 14 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okusseekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna.

Abaggalatiya

Essuula 1

- 1 Pawulo omutume (ataava mu bantu newakubadde okuyita eri omuntu, wabula eri Yesu Kristo ne Katonda Kitaffe, eyamuzuukiza mu bafu),
- 2 n'ab'oluganda bonna abali nange tubawandiikidde ekkansa ez'e Ggalatiya:
- 3 ekisa kibenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe, ne Mukama waffe Yesu Kristo,
- 4 eyeewaayo olw'ebibi byaffe, alyoke atuggye mu mirembe gino egiriwo emibi nga bwe yayagala Katonda era Kitaffe:
- 5 aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
- 6 Nneewuunya kubanga musenguka mangu bwe muti eyabayita mu kisa kya Kristo okugenda eri enjiri efaanana obulala;
- 7 si ndala, wabula abantu ababateganya, abaagala okukyusiza ddala enjiri ya Kristo.
- 8 Naye oba nga ffe oba malayika ava mu ggulu bw'abuuliranga enjiri wabula nga bwe twababuulira, akolimirwenga.
- 9 Nga bwe twasooka okwogera, bwe ntyo bwe njogera kaakano nate nti Omuntu bw'ababuuliranga enjiri wabula nga bwe mwaweebwa, akolimirwenga.
- 10 Kubanga kaakano mpembera bantu nantiki Katonda? Nantiki nsala amagezi okusiimibwa abantu? Singa nnali nga nkyasiimibwa abantu, ssandibadde muddu wa Kristo.
- 11 Kubanga mbategeeza, ab'oluganda, nti enjiri eyabuulirwa nze si ya buntu:
- 12 kubanga nange ssaagiweebwa muntu so siyigirizibwanga, wabula mu kubikkulirwa kwa Yesu Kristo.
- 13 Kubanga mwawulira bwe nnabanga edda mu mpisa z'Ekiyudaaya, nga nnayiganyanga ekkansa ya Katonda awatali kigera ne nginyaga,
- 14 ne mpitirizanga mu mpisa z'Ekiyudaaya okusinga bangi bwe twakula mu ggwanga lyaffe, nga mbakiranga okubeera n'obuggya obungi ennyo mu mpisa ze nnaweebwa bajjajjange.
- 15 Naye Katonda bwe yasiima, eyanjawula okuva mu lubuto lwa mmange, n'ampita olw'ekisa kye,
- 16 okubikkulira Omwana we mu nze, ndyoke mmubuulirenga mu b'amawanga; amangu ago ssaateesa na mubiri wadde na musaayi:
- 17 so ssaayambuka Yerusaalemi eri abo abansooka okubeera abatume: naye nagenda mu Buwalabu, ne nkomawo nate mu Ddamasiko.
- 18 Awo bwe waayitawo emyaka esatu ne nnyambuka e Yerusaalemi okulaba Keefa, ne mmalayo gy'ali ennaku kkumi na ttaano.
- 19 Naye ssaalaba mulala ku batume wabula Yakobo muganda wa Mukama waffe.
- 20 Kale, bye mpandiika, laba, mu maaso ga Katonda ssirimba.
- 21 Awo ne enda mu njuyi ez'e Busuuli ne Kirukiya.
- 22 Ne mba nga sinnaba kutegeerebwa mu maaso g'ekansa ez'e Buyudaaya eziri mu Kristo:
- 23 naye ne bawuliranga buwulizi nti Eyatuyigganyanga edda kaakano abuulira okukkiriza kwe yanyaganga edda.
- 24 ne bagulumiza Katonda ku lwange.

Essuula 2

- 1 Awo oluvannyuma, emyaka bwe gyayitawo kkumi n'ena, nalinye e Yerusaalemi wamu ne Balunabba ne ntwala ne Tito.

- 2 Nalinyayo lwa kubikkulirwa; ne mbanjulira enjiri, gye mbuulira mu b'amawanga, naye mu kyama eri abo abaatenderezabwa, mpozzi neme okugenderanga obwereere oba nga enze.
- 3 Naye newakubadde Tito eyali awamu nange, eyali Omuyonaani, teyawalirizibwa kukomolebwa:
- 4 naye olw'ab'oluganda ab'obulimba abaayingizibwa mu kyama, abaayingira mu kyama okuketta eddembe lyaffe lye tulina mu Kristo Yesu, okututeeka mu buddu:
- 5 abo tetwabagonderako ssaawa n'emu okufugibwa bo; amazima g'enjiri ganywerenga gye muli.
- 6 Naye abaatenderezabwa okuba abakulu (nga bwe bali kye kimu gye ndi; Katonda tasosola mu bantu) abaatenderezabwa aze tebannyongerako kintu:
- 7 naye mu ngeri endala, bwe baalaba nga nnateresebwa enjiri y'abo abatali bakomole, nga Peetero ey'abakomole
- 8 (kubanga eyakolera Peetero olw'obutume bw'abakomole ye yakolera nange olw'ab'amawanga);
- 9 era bwe baategeera ekisa kye nnaweebwa, Yakobo ne Keefa ne Yokaana, abaatenderezabwa okuba empagi, ne batuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu nze ne Balunabba, ffe tugende eri ab'amawanga, bo bagende eri abakomole;
- 10 kyokka, tujjukirenga abaavu; ekyo n'okunyiikira kye nnanyiikirira ennyo okukikolanga.
- 11 Naye Keefa bwe yajja e Antiyokiya, nnamuwakanya nga tulabagana amaaso n'amaaso, kubanga yali mukyamu ddala.
- 12 Kubanga olubereberye abantu nga tebannaba kujja kuwa wa Yakobo, yalyanga n'ab'amawanga: naye bwe bajja, ne yeeyawula n'abaawukanako, ng'atya abakomole.
- 13 Era n'Abayudaaya abalala bonna ne bakuusakuusa wamu naye; ne Balunabba n'okuwalulwa n'awalulwa obukuusa bwabwe.
- 14 Naye bwe nnalaba nga tebaakwata kkubo ggolokofu mu mazima g'enjiri, ne ambira Keefa mu maaso gaabwe bonna nti Obanga ggwe bw'oli Omuyudaaya ogoberera empisa z'ab'amawanga ezitali za Kiyudaaya, owaliriza otya ab'amawanga okugobereranga empisa z'Ekiyudaaya?
- 15 Ffe Abayudaaya ab'obuzaaliranwa abatali ba mu b'amawanga abalina ebibi,
- 16 naye bwe tumanyi ng'omuntu taweebwa butuukirivu lwa bikolwa bya mateeka wabula olw'okukkiriza Yesu Kristo, era naffe twakkiriza Kristo Yesu, tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okukkiriza Kristo, naye si lwa bikolwa bya mateeka: kubanga olw'ebikolwa eby'amateeka tewali alina omubiri aliweebwa obutuukirivu.
- 17 Naye bwe twayagala okuweebwa obutuukirivu mu Kristo, oba nga twalabibwa naffe okuba n'ebibi, kale Kristo muweereza wa kibi? Kitalo.
- 18 Kubanga bwe nzimba nate bye nnasuula, nneeraga nzekka okuba omwonoonyi.
- 19 Kubanga olw'amateeka nnafa ku mateeka, ndyoke mbe omulamu eri Katonda.
- 20 Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange.
- 21 Ssidibya kisa kya Katonda: kubanga obutuukirivu bwe buba mu mateeka, nga Kristo yafira bwereere.

Essuula 3

- 1 Mmwe Abaggalatiya abatalina magezi, ani eyabaloga, so nga Yesu Kristo yakomererwa nga mulaba?
- 2 Kino kyokka kye njagala mmwe okuntegeeza nti Mwaweebwa Omwoyo lwa bikolwa

bya mateeka nantiki lwa kuwulira kwa kukkiriza?

- 3 Bwe mutyo bwe mutalina magezi? Abaasookera mu Mwoyo, kaakati mutuukirizibwa mu mubiri?
- 4 Mwabonyaabonyezebwa ebyenkana awo bya bwereere? so nga ddala si bwereere.
- 5 Abawa Omwoyo, akola eby'amaanyi mu mmwe, akola lwa bikolwa bya mateeka nantiki lwa kuwulira kwa ku kkiriza?
- 6 Nga Ibulayimu bwe yakkiriza Katonda, ne kumubalirwa okubeera obutuukirivu.
- 7 Kale mutegeere ng'abayima mu kukkiriza be baana ba Ibulayimu.
- 8 N'ekyawandiikibwa bwe kyalaba edda Katonda bw'aliwa amawanga obutuukirivu olw'okukkiriza, ne kibuulira olubereberye Ibulayimu enjiri nti Mu ggwe amawanga gonna mmwe galiweerwa omukisa.
- 9 Bwe kityo abayima mu kukkiriza baweerwa omukisa awamu ne Ibulayimu eyalina okukkiriza.
- 10 Kubanga bonna abayima mu bikolwa by'amateeka, bafugibwa kikolimo: kubanga kyawandiikibwa nti Akolimiddwa buli ataabinyiikirira byonna ebyawandiikibwa mu kitabo ky'amateeka, okubikolanga.
- 11 Era kimanyiddwa nga mu mateeka tewali aweebwa butuukirivu eri Katonda: kubanga nti Abatuukirivu baanabeeranga balamu lwa kukkiriza;
- 12 naye amateeka tegayima mu kukkiriza; naye nti Omuntu agakola anaabeeranga mulamu mu go.
- 13 Kristo yatununula mu kikolimo ky'amateeka, bwe yafuuka ekikolimo ku lwaffe: kubanga kyawandiikibwa nti Akolimiddwa buli awanikiddwa ku muti:
- 14 omukisa gwa Ibulayimu gulyoke gutuuke eri amawanga mu Kristo Yesu; tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'Omwoyo olw'okukkiriza.
- 15 Ab'oluganda, njogera mu buntu: endagaano newakubadde nga ya muntu buntu bw'emala okunywera tewali agiggyawo newakubadde agyongerako.
- 16 Ebyasuubizibwa byagambibwa Ibulayimu n'omuzzukulu we. Tayogera nti N'eri abazzukulu, nga bangi, naye ng'omu nti N'eri omuzzukulu wo, ye Kristo.
- 17 Kino kye njogera nti Endagaano eyasooka okunywezebwa Katonda, amateeka agajja nga wayiseewo emyaka ebikumi bina mu asatu tegagiggyaawo n'okudibya ekyasuubizibwa.
- 18 Kuba oba ng'obusika buva mu mateeka, nga tebuva nate mu kusuubiza: naye Katonda yabuwa Ibulayimu olw'okusuubiza,
- 19 Kale amateeka kiki? Gassibwawo lwa kwonoona okutuusa w'alijjira omuzzukulu eyasuubizibwa, gaalagirwa bamalayika mu mikono gy'omutabaganya.
- 20 Naye omutabaganya si w'omu; naye Katonda ye omu.
- 21 Kale amateeka tegatabagana n'ebyasuubizibwa Katonda? Kitalo: kuba singa amateeka gaawebwa nga ge gayinza okuleeta obulamu, ddala obutuukirivu bwandibadde mu mateeka.
- 22 Naye ebyawandiikibwa byabisiba byonna mu bufuge bw'ekibi, abakkiriza balyoke bawebwe ekyasuubizibwa ekiva mu kukkiriza Yesu Kristo.
- 23 Naye okukkiriza nga tekunnaba kujja, twakuumirwanga mu bufuge bwa mateeka, nga tusibibwa olw'okukkiriza okugenda okubikkulwa.
- 24 Bwe kityo amateeka yali mutwazi waffe eri Kristo, tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okukkiriza.
- 25 Naye okukkiriza bwe kumaze okujja, tetukyali mu bufuge bwa mutwazi.
- 26 Kubanga mmwe mwenna muli baana ba Katonda olw'okukkiriza, mu Kristo Yesu.
- 27 Kubanga mwenna abaabatizibwa okuyingira mu Kristo, mwayambala Kristo.
- 28 Tewali Muyudaaya, newakubadde Omuyonaani, tewali muddu newakubadde ow'eddembe, tewali musajja na mukazi: kubanga mmwe mwenna muli omu mu Kristo

Yesu.

- 29 Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale muli zzadde lya Ibulayimu, era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali.

Essuula 4

- 1 Naye njogera nti omusika ng'akyali muto tayawulwa na muddu n'akatono, newakubadde nga ye mukama wa byonna;
- 2 naye afugibwa abasigire n'abawanika okutuusa entuuko kitaawe ze yalagira edda.
- 3 Bwe tutyo naffe, bwe twabanga abato, twabanga baddu nga tufugibwa eby'olubereberye eby'omu nsi:
- 4 naye okutuukirira kw'e biro bwe kwatuuka, Katonda n'atuma Omwana we eyazaalibwa omukazi, eyazaalibwa ng'afugibwa amateeka,
- 5 alyoke abanunule abaafugibwa amateeka, tulyoke tuweebwe okufuuka abaana.
- 6 Era kubanga muli baana, Katonda yatuma Omwoyo gw'Omwana we mu mitima gyaffe; ng'akaaba nti Aba, Kitaffe.
- 7 Bwe kityo naawe tokyali muddu, naye mwana; oba ng'oli mwana, era oli musika ku bwa Katonda.
- 8 Naye mu nnaku ziri bwe mutaamanyanga Katonda, mwabanga baddu ba bali abatali bakatonda mu buwangwa:
- 9 naye kaakano bwe mutegedde Katonda, oba ekisinga bwe mutegeddwa Katonda, mukyuka mutya ennyuma mu bigambo eby'olubereberye ebitalina maanyi ebinafu, ate bye mwagala okufugibwa omulundi ogw'okubiri?
- 10 Mukwata ennaku n'emyezi n'e biro n'emyaka.
- 11 Mbakeentererwa okutegana kwange gye muli okuba okw'obwereere.
- 12 Mubeere nga nze, kubanga nange ndi nga mmwe, ab'oluganda mbeegayiridde. Temunyonoonanga:
- 13 naye mumanyi ng'olw'obunafu bw'omubiri nnababuulira enjiri omulundi ogw'olubereberye:
- 14 era okukemebwa kwammwe okw'omu mubiri gwange temwakunyooma so temwaku-londoola, naye mwanzikiriza nga malayika owa Katonda, nga Kristo Yesu.
- 15 Kale okwetenda kwammwe kuli luuyi wa? kubanga ndi mujulirwa wammwe nti, singa kyali kiyinzika, mwandiggyemu amaaso gammwe ne mugawa nze.
- 16 Kale nfuuse mulabe wammwe nga mbabuulira amazima?
- 17 Beegonza gye muli naye si bulungi; naye kye baagala kwe kubaggalira ebweru, mmwe mulyoke mwegonzenga gye bali:
- 18 Naye kirungi abantu okwegonzanga mu bulungi ennaku zonna, naye si nze lwe mbeera nammwe lwokka.
- 19 Abaana bange abato, abannuma nate okutuusa Kristo lw'alibumbibwa mu mmwe,
- 20 era nnandyagadde okubeera nammwe kaakano, n'okuwaanyisa eddoozi lyange, kubanga mbuusabuusa olw'ebigambo byammwe.
- 21 Mumbuulire mmwe abaagala okufugibwa amateeka, temuwulira mateeka?
- 22 Kubanga kyawandiikibwa nti Ibulayimu yalina abaana babiri, omu wa muzaana, omu wa wa ddembe.
- 23 Naye ow'omuzaana yazaalibwa lwa mubiri; naye ow'ow'eddembe lwa kusuubiza.
- 24 Ebyo bya lugero: kubanga abakazi abo ze ndagaano bbiri; emu eva ku lusozi Sinaayi, ezaala olw'obuddu, eyo ye Agali.
- 25 Agali oyo lwe lusozi Sinaayi, oluli mu Buwalabu, era yenkanankana ne Yerusaalemi ekya kaakano: kubanga muddu wamu n'abaana be.
- 26 Naye Yerusaalemi eky'omu ggulu kye ky'eddembe, ye nnyaffe.

- 27 Kubanga kyawandiikibwa nti Sanyuka, omugumba atazaala; Baguka okwogerera waggulu, atalumwa: Kubanga abaana b'oyo eyalekebwayo bangi okusinga ab'oyo alina omusajja:
- 28 Naye ffe, ab'oluganda, tuli baana ba kusuubiza nga Isaaka bwe yali.
- 29 Naye nga mu biro biri eyazaalibwa olw'omubiri nga bwe yayigganya eyazaalibwa olw'Omwoyo, bwe kityo ne kaakano.
- 30 Naye ebyawandiikibwa byogera bitya? nti Goba omuzaana n'omwana we: kubanga omwana w'omuzaana talisikira wamu n'omwana w'ow'eddembe.
- 31 Kale, ab'oluganda, ffe tetuli ba muzaana, naye ba wa ddembe.

Essuula 5

- 1 Mu ddembe Kristo yatufuula ba ddembe: kale munywere, mulemenga okusibibwa nate mu kikoligo ky'obuddu.
- 2 Laba, nze Pawulo mbagamba nti bwe munaakomolebwanga, Kristo talibaako ky'alibagasa.
- 3 Era nate ntegeeza buli muntu akomolebwa nti alina ebbanja ery'okukolanga eby'amateeka byotuna.
- 4 Mwawuliddwa eri Kristo, mmwe abaagala okuweebwa obutuukirivu mu mateeka; mugudde okuva mu kisa.
- 5 Kubanga ffe ku bw'Omwoyo olw'okukkiriza tulindirira essuubi ery'obutuukirivu.
- 6 Kubanga mu Kristo Yesu okukomolebwa tekulina maanyi newakubadde obutamolebwa, wabula okukkiriza okukola olw'okwagala.
- 7 Mwali mutambula bulungi; ani eyabaziyiza okugonderanga amazima?
- 8 Okuwemba okwo tekwava eri oyo abayita.
- 9 Ekizimbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna.
- 10 Mbeesiga mmwe mu Mukama waffe, nti temulirowooza kigambo kirala: naye oyo abateganya alibaako omusango gwe, ne bw'aliba ani.
- 11 Naye nze, ab'oluganda, oba nga nkyayigiriza okukomolebwa, kiki ekikyanjigganyisa? kale enkonge ey'omusalaba ng'evuddewo.
- 12 Nnandyagadde bali abababuguutanya n'okweyawula beeyawule.
- 13 Kubanga mmwe, ab'oluganda, mwayitibwa lwa ddembe; naye eddembe lyammwe liremenga okubeera omubiri kwe guyima, naye olw'okwagala muweerezaganenga mwekka na mwekka.
- 14 Kubanga amateeka gonna gatuukirira mu kigambo kimu, mu kino nti Oyagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka.
- 15 Naye bwe mulumagana, bwe mulyaana, mwegenderezenga mulemenga okwemalawo mwekka na mwekka.
- 16 Naye njogera nti Mutambulirenga mu Mwoyo, kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri.
- 17 Kubanga omubiri gwegomba nga guwakana n'Omwoyo, n'Omwoyo nga guwakana n'omubiri; kubanga ebyo byolekanye, mulemenga okukola ebyo bye mwagala.
- 18 Naye bwe muluamizibwa Omwoyo, nga temufugibwa mateeka.
- 19 Naye ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba,
- 20 okusinza ebifaananyi, okuloga; obulabe, okuyomba; obuggya; obusungu, empaka, okweyawula, okwesalamu,
- 21 ettima, obutamiiivu, ebinyumu, n'ebiri ng'ebyo: nsooka okubabuulira ku ebyo, nga bye nnasooka okubabuulira, nti bali abakola ebiri ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda.
- 22 Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza,

- ekisa, obulungi, okukkiriza,
- 23** obuwombeefu, okwegendereza: ku biri ng'ebyo tewali mateeka.
- 24** N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri wamu n'okukwatibwa n'okwegomba kwagwo.
- 25** Bwe tuba abalamu ku bw'Omwoyo, era tutambulenga ku bw'Omwoyo.
- 26** Tuleme okwenyumirizanga obwereere, nga twesunguwaza fekka na fekka, nga tukwatibwa obuggya fekka na fekka.

Essuula 6

- 1** Ab'oluganda, omuntu bw'alabibwanga ng'ayonoonye; mmwe ab'omwoyo mumulon-goosenga ali bw'atyo mu mwoyo gw'obuwombeefu; nga weekuuma wekka naawe olemenga okukemebwa.
- 2** Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo etteeka lya Kristo.
- 3** Kubanga omuntu bwe yeerowoozanga okuba ekintu, nga si kintu, nga yeerimbalimba.
- 4** Naye buli muntu akemenga omulimu gwe ku bubwe; alyoke abeere n'okwenyumiriza ku bubwe yekka so si ku bwa mulala.
- 5** Kubanga buli muntu alyetikka omutwalo gwe ye.
- 6** Naye ayigirizibwanga ekigambo assenga ekimu n'oyo ayigiriza mu birungi byonna.
- 7** Temulimbibwanga; Katonda tasekererwa: kubanga omuntu kyonna ky'asiga era ky'alikungula.
- 8** Kubanga asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda; naye asigira Omwoyo, alikungula mu Mwoyo obulamu obutaggwaawo.
- 9** Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise.
- 10** Kale, bwe tunaalabanga ebbanga, tubakolenga obulungi bonna, naye okusinga abo abali mu nnyumba ey'okukkiriza.
- 11** Mulabe bwe mbawandiikidde mu nnukuta ennene n'omukono gwange nze.
- 12** Bonna abaagala okwewoomereza mu mubiri be babawaliriza okukomolebwanga; kyokka balemenga okuyigganyizibwa olw'omusalaba gwa Kristo.
- 13** Kubanga era n'abo bennyini abakomolebwa amateeka tebagakwata; naye baagala mmwe okukomolebwanga, balyoke beenyumirizenga ku mubiri gwammwe.
- 14** Naye nze ssaagala kwenyumirizanga, wabula ku musalaba gwa Mukama waffe Yesu Kristo; olw'ogwo ensi ekomereddwa gye ndi, nange eri ensi.
- 15** Kubanga okukomolebwa si kintu, newakubadde obutakomolebwa, wabula ekitonde ekiggya.
- 16** N'abo bonna abanaatambuliranga mu tteeka eryo, emirembe gibenga ku bo, n'okusaasirwa, ne ku Isiraeri wa Katonda.
- 17** Okutanula kaakano, omuntu yenna aleme okunteganyanga: kubanga ntwala enkovu za Yesu zisaliddwa ku mubiri gwange.
- 18** Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga wamu n'omwoyo gwammwe, ab'oluganda. Amiina.

Abaefeeso

Essuula 1

- 1 Pawulo, omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda eri abatukuvu abali mu Efeso n'abakkiriza mu Kristo Yesu:
- 2 ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 3 Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'Omwoyo mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo:
- 4 nga bwe yatulondera mu ye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge mu kwagala:
- 5 bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala kwe,
- 6 ekitiibwa ky'ekisa kye kiryoke kitenderezebwenza, kye yatuwa obuwa mu oyo omwagalwa:
- 7 eyatuweesa akununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye bwe buli,
- 8 kye yasukkiriza gye tuli mu magezi gona n'okutegeera kwonna,
- 9 bwe yatutegeeza ekyama eky'okwagala kwe, nga bwe yasiima yekka, nga bwe yamalirira edda mu ye,
- 10 olw'obuwanika obw'omu biro ebituukirivu, okugattira awamu byonna mu Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi;
- 11 mu oyo naffe mwe twafuukira obusika bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe;
- 12 ffe tulyoke tubeere ettendo ly'ekitiibwa kye, ffe abaasooka okusuubira mu Kristo:
- 13 era nammwe mu ye, bwe mwawulira ekigambo eky'amazima, enjiri ey'obulokozi bwammwe, mu oyo, n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa,
- 14 gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa envuma ya Katonda lw'erinunulibwa, ekitiibwa kye kitenderezebwe.
- 15 Bwe nnawulira okukkiriza Mukama waffe Yesu okuli mu mmwe, era kwe mulaga eri abatukuvu bonna,
- 16 kyenya sirekangayo kwebaza, nga mboogerako mu kusaba kwange;
- 17 Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'ekitiibwa, abawe omwoyo ogw'amagezi n'ogw'okubikkulirwa mu kumutegeera ye;
- 18 nga mumulisibwanga amaaso ag'omutima gwammwe, mmwe okumanya essuubi ery'okuyita kwe bwe liri, obugagga obw'ekitiibwa eky'obusika bwe mu batukuvu bwe buli,
- 19 era obukulu obusinga ennyo obw'amaanyi ge eri ffe abakkiriza bwe buli, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola,
- 20 ge yakoza mu Kristo, bwe yamuzuukiza mu bafu, n'amutuuzza ku mukono gwe ogwa ddyo mu bifo eby'omu ggulu,
- 21 waggulu nnyo okusinga okufuga kwonna n'obuyinza n'amaanyi n'obwami na buli linnya eryatulwa si mu mirembe gino gyokka naye ne mu egyo egigenda okujja:
- 22 n'ateeka byonna wansi w'ebigere bye, n'amuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa,
- 23 gwe mubiri gwe, okutuukirira ku oyo atuukiriza byonna mu byonna.

Essuula 2

- 1 Era nammwe yabazuukiza bwe mwali nga mufiridde mu byonoono n'ebibi byammwe,
- 2 bye mwatambulirangamu edda ng'emirembe egy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogukolera kaakano mu baana abatawulira;
- 3 era naffe fenna be twatambulirangamu edda mu kwegomba kw'omubiri gwaffe, nga tukolanga omubiri n'ebirowoozo bye byagala, ne tubeeranga olw'obuzaaliranwa abaana b'obusungu, nga n'abalala:
- 4 naye Katonda, kubanga ye mugagga w'ekisa, olw'okwagala kwe okungi kwe yatwagala ffe,
- 5 era ffe bwe twali nga tufiridde mu byonoono byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo (mwalokoka lwa kisa),
- 6 n'atuzuukiza wamu naye, n'atutuuzza wamu mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo Yesu:
- 7 mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gye tuli mu Kristo Yesu:
- 8 kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda:
- 9 tekwava mu bikolwa, amuntu yenna aleme okwenyumirizanga.
- 10 Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu.
- 11 Kale mujjukire ng'edda mmwe, abaali ab'amawanga mu mubiri, Abakomole be bayita Abataakomolebwa, mu mubiri okukolebwa n'emikono;
- 12 nga mu biro biri mwali nga muli wala ne Kristo, mwali nga mubooledwa mu kika kya Isiraeri, era mwali bannaggwanga eri endagaano ez'okusuubiza, nga temulina kusuubira, nga temulina Katonda mu nsi.
- 13 Naye kaakano mu Kristo Yesu mmwe abaali ewala edda musembezebwa olw'omusaayi gwa Kristo.
- 14 Kubanga ye gye mirembe gyaffe, eyafuula byombi ekimu, n'amenyawo ekisenge ekya wakati ekyawula,
- 15 bwe yamala okuggyawo mu mubiri gwe obulabe, tawuleti ey'ebiragirow ebiri mu mateeka; alyoke atonde mu ye yennyini abo bombi okubeera omuntu omu omuggya, okuleeta emirembe;
- 16 era alyoke atabaganye bombi eri Katonda mu mubiri gumu olw'omusalaba, bwe yattira obulabe ku gwo:
- 17 n'ajja n'ababuulira enjiri ey'emirembe mmwe abaali ewala, n'emirembe abaali okumpi:
- 18 kubanga ku bw'oyo ffe fembi tulina okusembera kwaffe eri Kitaffe mu Mwoyo omu.
- 19 Kale bwe mutyo temukyali bannaggwanga na bayise, naye muli ba kika kimu n'abatukuvu, era ba mu nnyumba ya Katonda,
- 20 kubanga mwazimbibwa ku musingi be batume ne bannabbi, Kristo Yesu yennyini bw'ali ejjinja eddene ery'oku nsonda;
- 21 mu oyo buli nnyumba yonna, bw'egattibwa obulungi, ekula okubeeranga yeekaalu entukuvu mu Mukama waffe;
- 22 mu oyo era nammwe muzimbibwa wamu okubeeranga ekisulo kya Katonda mu Mwoyo.

Essuula 3

- 1 Kale nze Pawulo, omusibe wa Yesu Kristo ku lwammwe ab'amawanga, -
- 2 oba mwawulira obuwanika obw'ekisa kya Katonda kye nnaweebwa eri mmwe;
- 3 bwe nategeezebwa ekyama mu kubikkulirwa, nga bwe nnawandiika edda mu bigambo ebitono,
- 4 ebiyinda okubategeeza, bwe mubisoma, okumanya kwange mu kyama kya Kristo;
- 5 ekitaategeezebwa mu mirembe egy'edda abaana b'abantu, nga kaakano bwe kibikkuliddwa abatume be abatukuvu ne bannabbi mu Mwoyo;
- 6 ab'amawanga okubeera abasikira awamu, era ab'omubiri ogumu, era abassa ekimu ekyasuubizibwa mu Kristo Yesu olw'enjiri,
- 7 gye nnafuukira omuweereza waayo, ng'ekirabo eky'ekisa kya Katonda bwe kiri kye nnaweebwa ng'okukola kw'amaanyi ge bwe kuli.
- 8 Nze, omuto okusinga abato ab'omu batukuvu bonna, nnaweebwa ekisa kino, okubuliranga ab'amawanga obugagga bwa Kristo obutanoonyezeka;
- 9 n'okumulisizanga bonna balabe okugaba kw'ekyama bwe kuli, ekyakwekebwa okuva edda n'edda lyonna mu Katonda eyatonda byonna;
- 10 kaakano abaamasaza n'ab'obuyinda mu bifo eby'omu ggulu bategeezebwe mu kkanisa amagezi amangi aga Katonda ag'engeri ennyingi,
- 11 ng'okumalirira bwe kuli mu Kristo Yesu Mukama waffe:
- 12 mwe tuggya obuvumu bwaffe n'okusembera n'obugumu olw'okumukkiriza ye.
- 13 Kyenya nsaba mmwe mulemenga okuddirira olw'ebibonoobono byange ku lwammwe, ebyo kye kitiibwa kyammwe.
- 14 Kyenya nfukaamirira Kitaffe,
- 15 buli kika eky'omu ggulu n'eky'oku nsi kwe kiggya erinnya,
- 16 abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda:
- 17 Kristo atuulenga mu mitima g'yammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emimizi munywezebwenza mu kwagala,
- 18 mulyoke muweebwe amaanyi okukwatanga n'amagezi awamu n'abatukuvu bonna obugazi n'obuwandu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri,
- 19 n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa, mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda.
- 20 Kale oyo ayinda okukola ennyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza, ng'amaanyi bwe gali agakolera mu ffe,
- 21 aweebwenga ekitiibwa mu kkanisa ne mu Kristo Yesu okutuusa emirembe n'emirembe egitaggaawo. Amiina.

Essuula 4

- 1 Kyenya mbeegayirira nze omusibe mu Mukama waffe okutambulanga nga bwe kusaanira okuyitibwa kwe mwayitibwa,
- 2 n'obukkakkamu bwonna n'obuwombeefu, n'okugumiikiriza, nga muzibiikirizagananga mu kwagalana,
- 3 nga munyiikiranga okwekuuma obumu bw'Omwoyo mu kusibibwa n'emirembe.
- 4 Omubiri guli gumu, n'Omwoyo omu, era nga nammwe bwe mwayitibwa mu kusubira okumu okw'okuyitibwa kwammwe;
- 5 Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu,
- 6 Katonda omu, Kitaawe wa bonna, afuga byonna, ayita mu byonna, era ali mu byonna.
- 7 Naye buli muntu mu ffe yaweebwa ekisa ng'ekigera ky'ekirabo kya Kristo bwe kiri.

- 8 Kyava ayogera nti Bwe yalinnya waggulu, n'anyaga okunyaga, N'awa abantu ebirabo.
- 9 (Naye ekigambo ekyo nti Yalinnya, kigamba ki wabula okugamba nti era yakka mu njuyi eza wansi ez'ensi?)
- 10 Eyakka era ye wuuyo eyalinnya waggulu ennyo okusinga eggulu lyonna, alyoke atuukirize byonna.)
- 11 Era oyo n'awa abalala okubeera abatume, n'abalala bannabbi, n'abalala ababuulizi, n'abalala abalunda n'abayigiriza;
- 12 olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo:
- 13 okutuusa lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo:
- 14 tulemenga okubeera nate abaana abato, nga tuyuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza, mu bukuusa bw'abantu, mu nkwe, olw'okugoberera okuteesa okw'obulimba;
- 15 naye, bwe twogeranga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo;
- 16 mu oyo omubiri gwonna bwe gugatibwa obulungi ne gunywezebwa awamu buli nnyingo ng'ereeta ebyayo, ng'okukola mu kigera okwa buli kitundu bwe kuli, omubiri gweyongerera okukula olw'okwezimba mu kwagalana.
- 17 Kyenva njogera kino ne ntegeeza mu Mukama waffe, mmwe mulemenga okutambula nate, era ng'ab'amawanga bwe batambula mu birowoozo byabwe ebitaliimu,
- 18 nga bazikizibwa amagezi gaabwe, nga baawulibwa ku bulamu bwa Katonda olw'obutategeera obuli mu bo, olw'okukakanyala okw'omutima gwabwe;
- 19 kubanga beerabira okulumwa, ne beewaayo mu bwenzi, okukolanga eby'obugwagwa bwonna mu kwegomba.
- 20 Naye mmwe temwayiga bwe mutyo Kristo;
- 21 oba nga mwamuwulira, ne muyigirizibwa mu ye ng'amazima bwe gali mu Yesu:
- 22 mu bigambo by'empisa ez'olubereberye, mmwe okwambula omuntu ow'edda, avunda olw'okwegomba okw'obulimba;
- 23 era okufuuka abaggya mu mwoyo ogw'ebirowoozo byammwe,
- 24 okwambala omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne mu butukuvu obw'amazima.
- 25 Kale mwambule obulimba, mwogerenga amazima buli muntu ne munne: kubanga tuli bitundu bya bannaffe fekka na fekka.
- 26 Musunguwalenga so temwonoona: enjuba eremenga okugwa ku busungu bwammwe:
- 27 so temuwanga bbanga Setaani.
- 28 Eyabbanga alemenga okubba nate: naye waakiri afubenga, ng'akola ebirungi n'emikono gye, alyoke abeerenga n'eky'okumuwa eyeetaaga.
- 29 Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga, abawulira kibawenga ekisa.
- 30 So temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu owa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa.
- 31 Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna:
- 32 era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo.

Essuula 5

- 1 Kale mugobererenga Katonda, ng'abaana abaagalwa;
- 2 era mutambulirenga mu kwagala, era nga Kristo bwe yabaagala mmwe, ne yeewaayo ku lwaffe okubeera ekirabo era ssaddaaka eri Katonda okubeera evvumbe eriwunya obulungi.
- 3 Naye obwenzi n'obugwagwa bwonna n'okwegomba n'okwogerebwa tebyogerebwan-gako mu mmwe, nga bwe kigwanira abatukuvu
- 4 newakubadde eby'ensonyi, newakubadde ebinyumizibwa eby'obusiru, newakubadde okubalaata, ebitasaana: naye waakiri okwebazanga.
- 5 Kubanga ekyo mukitegeerera ddala nga tewali mwenzi, oba mugwagwa, oba eyeegomba, ye oyo asinza ebifaananyi, alina obusika mu bwakabaka bwa Kristo ne Katonda.
- 6 Omuntu yenna tabalimbanga n'ebigambo ebitaliimu: kubanga olw'ebyo obusungu bwa Katonda bujja ku baana abatawulira.
- 7 Kale temussanga kimu nabo;
- 8 kubanga edda mwali kizikiza, naye kaakano muli musana mu Mukama waffe: mutambulenga ng'abaana b'omusana
- 9 (kubanga ebibala by'omusana biri mu bulungi bwonna n'obutuukirivu n'amazima),
- 10 nga mukeberanga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri;
- 11 so temussanga kimu n'ebikolwa ebitabala eby'ekizikiza, naye waakiri mubibulirirenga bubuulirizi;
- 12 kubanga kya nsonyi n'okubyogerako ebyo bye bakola mu kyama.
- 13 Naye ebigambo byonna, bwe bibuulirirwa, omusana gubirabisa: kubanga buli ekirabisibwa gwe musana.
- 14 Kyava ayogera nti Zuukuka, ggwe eyeebase, ozuukire mu bafu, Kristo anaakwakira.
- 15 Kale mutunule nnyo bwe mutambulanga, si ng'abatalina magezi, naye ng'abalina amagezi;
- 16 nga mweguliranga ebbanga, kubanga ennaku zino mbi.
- 17 Kale temubeeranga basirusiru, naye mutegeerenga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri.
- 18 So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo;
- 19 nga mwogeragananga mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiye eby'Omwoyo, nga muyimbanga, nga mumukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe;
- 20 nga mwebazanga ennaku zonna olwa byonna Katonda Kitaffe mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo;
- 21 nga muwuliragananga mu kutya Kristo.
- 22 Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe muwulira Mukama waffe.
- 23 Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, bw'ali omulokozi ow'omubiri yennyini.
- 24 Naye ng'ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga babbaabwe mu buli kigambo.
- 25 Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkkanisa, ne yeewaayo ku lwayo;
- 26 alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo,
- 27 alyoke agyereetere yennyini ekkkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunairo newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu eteriiko bulema.
- 28 Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini

- ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka:
- 29** kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa, agujjaajaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkansa;
- 30** kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe.
- 31** Omuntu kyanaavaaga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu.
- 32** Ekyama kino kikulu: naye njogera ku Kristo n'ekansa.
- 33** Naye era nammwe buli muntu ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala yekka; n'omukazi atyenga bba.

Essuula 6

- 1** Abaana abato, muwulirenga abazadde bammwe mu Mukama waffe: kubanga kino kye kirungi.
- 2** Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko (Iye tteeka ery'olubereberye eririmu okusubiza),
- 3** olyoke obeerenga bulungi, era owangaalenga ennaku nnyingi ku nsi.
- 4** Nammwe, bakitaabwe, temusunguwazanga baana bammwe: naye mubalere nga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe.
- 5** Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab'omubiri nga mulina okutya n'okukankana, omutima gwammwe nga teguliimu bukuusa, nga Kristo;
- 6** si nga mu kuweereza okw'okungulu, ng'abaagala okusiimibwanga abantu; naye ng'abaddu ba Kristo, nga mukolanga n'omwoyo, Katonda by'ayagala,
- 7** nga muweerezanga n'okwagala nga Mukama waffe so si bantu:
- 8** nga mumanyil nti buli muntu ekirungi ky'akola, ky'aliweebwa nate eri Mukama waffe, oba muddu oba wa ddembe.
- 9** Nammwe, bakama baabwe, mubakolanga bwe mutyo, nga mulekanga okutiisa: nga mumanyi nga Mukama waabwe era owammwe ali mu ggulu, so tewali kusosola mu bantu gy'ali.
- 10** Eky'enkomerero, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge.
- 11** Mwambalanga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira eri enkwe za Setaani.
- 12** Kubanga tetumeggana na musaayi na mubiri, wabula n'abaamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu.
- 13** Kale mutwalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuguma ku lunaku olubi, era bwe mulimala okukola byonna, musobole okuyimirira.
- 14** Kale muyimiriranga, nga mwesibye mu kiwato kyammwe amazima, era nga mwambadde eky'omu kifuba obutuukirivu,
- 15** era nga munaanise mu bigere okweteeekateeka okw'enjiri ey'emirembe;
- 16** era ku ebyo byonna nga mukwatiddeko engabo ey'okukkiriza, eneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi.
- 17** Muweebwe ne sseppewo ey'obulokovu, n'ekitala eky'Omwoyo, kye kigambo kya Katonda:
- 18** nga musabanga buli kiseera mu Mwoyo n'okusaba n'okwegayiriranga kwonna mu kunyiikiranga kwonna n'okwegayiriranga abatukuvu bonna,
- 19** era nange ndyoke mpeebwe okwogeranga okwasamyanga akamwa kange, okutegeezanga n'obuvumu ekyama eky'enjiri,
- 20** gye mbeerera omubaka waayo mu lujegere; njogeranga n'obuvumu mu yo, nga bwe kiwanira okwogeranga.

- 21** Naye nammwe mulyoke mutegeere ebifa gye ndi bwe biri, Tukiko, ow'oluganda omwagalwa era omuweereza omwesigwa mu Mukama waffe alibategeeza byonna:
- 22** gwe mbatumidde olw'ensonga eno, mulyoke mutegeere ebifa gye tuli, era abasanyuse emitima gyammwe.
- 23** Emirembe gibenga eri ab'oluganda, n'okwagala awamu n'okukkiriza ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 24** Ekisa kibeerenga n'abo bonna abaagala Mukama waffe Yesu Kristo mu butamala.

Abafiripi

Essuula 1

- 1 Pawulo ne Timoseewo, abaddu ba Kristo Yesu, eri abatukuvu bonna mu Kristo Yesu abali mu Firipi, wamu n'abalabirizi n'abaweereza:
- 2 ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 3 Nneebaza Katonda wange buli lwe mbajjukira,
- 4 ennaku zonna buli lwe mbasabira mwenna nsaba n'essanyu,
- 5 olw'okussa ekimu kwammwe okw'okubunya enjiri okuva ku lunaku olw'olubereberye okutuusa kaakano;
- 6 nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo:
- 7 nga bwe kiri ekirungi nze okulowoozanga ekyo gye muli mwenna, kubanga ndi nammwe mu mutima gwange, bwe mussa ekimu mwenna awamu nange mu kisa, mu kusibibwa kwange era ne mu kuwolerezanga enjiri n'okuginywezanga.
- 8 Kubanga Katonda ye mujulirwa wange, bwe mbalumirwa omwoyo mwenna mu kusaasira kwa Kristo Yesu.
- 9 Era kino kye nsaba okwagala kwammwe kweyongereyongerenga kusukkirirenga mu kutegeera n'okwawula kwonna:
- 10 mulyoke musiimenga ebisinga obulungi; mubeerenga abatalina bukuusa era abatalina kabi okutuusa ku lunaku lwa Kristo;
- 11 nga mujjudde ebibala eby'obutuukirivu, ebiriwo ku bwa Yesu Kristo, Katonda aweebwe ekitiibwa, atenderezebwe.
- 12 Naye njagala mmwe okutegeera, ab'oluganda, ng'ebyaambaako byajja lwa kubunya bubunya enjiri;
- 13 n'okusibibwa kwange ne kulyoka kulabika mu Kristo eri basserikale bonna aba kabaka, n'abalala bonna;
- 14 n'ab'oluganda abasinga obungi mu Mukama waffe ne balyoka baguma olw'okusibwa kwange ne beeyongeranga nnyo okwaanga okubuuliranga ekigambo kya Katonda nga tebatya.
- 15 Abalala babuulira Kristo lwa buggya n'okuyomba; era n'abalala bamubuulira lwa kisa:
- 16 bano babuulira lwa kwagala, nga bamanyi nga nateekebwawo lwa kuwolerezanga enjiri:
- 17 naye bali babuulira Kristo olw'okuyomba, si mu mazima, nga balowooza okundeetera ennaku mu kusibibwa kwange.
- 18 Naye n'ekyo nsonga? wabula nga mu ngeri zonna, oba mu bukuusa oba mu mazima, Kristo abuulirwa; n'ekyo nkisanyukidde, weewaawo era ndisanyuka.
- 19 Kubanga mmanyi ng'ekyo kirinviiramu obulokozi olw'okusaba kwammwe n'okuweebwa Omwoyo wa Yesu Kristo,
- 20 nga bwe ntunuulira ennyo ne nsuibira nga ssirikwatibwa nsonyi mu kigambo kyonna, wabula nga Kristo, ennaku zonna, era ne kaakano anaagulumizibwanga mu mubiri gwange mu buvumu bwonna, oba mu bulamu oba mu kufa.
- 21 Kubanga gye ndi okuba omulamu ye Kristo, n'okufa ge magoba.
- 22 Naye oba ng'okuba omulamu mu mubiri, okwo nga kye kibala eky'omulimu gwange, kale ssimanyi kye nneeroboza.
- 23 Naye nziyizibwa enjuyi zombiriri, nga nneegomba okugenda okubeera ne Kristo; kubanga kwe kusinga ennyo nnyini:

- 24 naye okubeera mu mubiri kwe kusinga okwetaagibwa ku lwammwe.
- 25 Era, kubanga ntegeeredde ddala bwe ntyo, mmanyi nga ndibeera, era ndibeera wamu nammwe mwenna, olw'okuyitirira kwammwe n'okusanyuka olw'okukkiriza:
- 26 okwenyumiriza kwammwe kulyoke kusukkirire mu Kristo Yesu ku bwange, nze olw'okujja gye muli nate.
- 27 Naye kyokka okutambula kwammwe kubeerenga nga bwe kigwanira enjiri ya Kristo: bwe ndijja okubalabako oba nga ssiriiwo, ndyoke mpulire ebifa gye muli, nga munywedde mu mwoyo gumu, nga mulwaniriranga okukkiriza okw'enjiri n'emmeeme emu;
- 28 so nga temukangibwa balabe mu kigambo kyonna: ke kabonero ddala gye bali ak'okuzikirira, naye eri mmwe ka bulokozi, era obuva eri Katonda;
- 29 kubanga mwaweebwa ku lwa Kristo si kumukkiriza kwokka, era naye n'okubonaabonanga ku lulwe:
- 30 nga mulina okulwana kuli kwe mwalaba gye ndi, era kwe muwulira kaakano okuli gye ndi.

Essuula 2

- 1 Kale oba nga waliwo okukubagiza kwonna mu Kristo, oba ng'okusanyusa kwonna okw'okwagala, oba ng'okussa ekimu kwonna okw'Omwoyo, oba ng'okusaasira n'ekisa,
- 2 mutuukirize essanyu lyange mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu nga mulowooza bumu;
- 3 temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newakubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka;
- 4 temutunuuliranga buli muntu ebibyo yekka, era naye buli muntu n'eby'abalala.
- 5 Mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu;
- 6 oyo bwe yasooka, okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombewwa okwenkanankana ne Katonda,
- 7 naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu;
- 8 era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba.
- 9 Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna;
- 10 buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omu ggulu n'eby'oku nsi n'ebya wansi w'ensi,
- 11 era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.
- 12 Kale, abaagalwa bange, nga bwe mwawuliranga ennaku zonna, si nga nze lwe mbeerawo lwokka, naye kaakano okusinga ennyo nga ssiriiyo, mutuukirizenga obulokozi bwammwe bennyini n'okutya n'okukankana;
- 13 kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi.
- 14 Mukolenga byonna awatali kwemulugunyanga n'empaka;
- 15 mulemenga okubaako kye munenyezebwa newakubadde ettima, abaana ba Katonda abatalina mabala wakati w'emirembe egyakyama emikakanyavu, gye mulabikiramu ng'ettabaaza z'omu nsi,
- 16 nga mwolesa ekigambo eky'obulamu; ndyoke mbeere n'okwenyumiriza ku lunaku lwa

Kristo, kubanga ssaddukira bwereere, so ssaafubira bwereere.

- 17 Naye newakubadde nga nfukibwa ku ssaddaaka n'okuweereza okw'okukkiriza kwammwe, nsanyuka era nsanyukira wamu nanmwe mwenna:
- 18 era nammwe bwe mutyo musanyuke era musanyukire wamu nange.
- 19 Naye nsuubira mu Mukama waffe Yesu, okubatumira amangu Timoseewo, nange ndyoke ngume omwoyo, bwe ndimala okutegeera ebifa gye muli.
- 20 Kubanga sirina muntu mulala alina emmeeme eyenkana n'ey'oyo, aligenderera ebyammwe mu mazima.
- 21 Kubanga bo bonna beenoonyeza byabwe ku bwabwe, si bya Yesu Kristo.
- 22 Naye ekimutegeezesa mukimanyi, nga aweerezanga wamu nange olw'enjiri, ng'omwana eri kitaawe.
- 23 Kale oyo nsuubira okumutuma amangu, kyokka bwe ndimala okulaba ebifa gye ndi:
- 24 naye nsuubira mu Mukama waffe nti nange ndijja mangu.
- 25 Naye nnalaba nga kigwanye okubatumira Epapulodito muganda wange, era mukozzi munange, era mulwanyi munnange, naye ye mutume wammwe era omuweereza w'ebintu bye nneetaaga;
- 26 kubanga yabalumirwa omwoyo mmwe mwenna, ne yeeraliikirira nnyo, kubanga mwawulira nga yalwala:
- 27 kubanga okulwala yalwala yali kumpi n'okufa: naye Katonda yamusaasira; so si ye yekka, naye era nange, ennaku endala zireme okweyongera ku nnaku ze nnina.
- 28 Kyenya njagala ennyo okumutuma, bwe mulumulaba nate mulyoke musanyuke, nange nkendeeze ku kunakuwala kwange.
- 29 Kale mumwanirizanga mu Mukama waffe n'essanyu lyonna; era abafaanana oyo mubassengamu ekitiibwa:
- 30 kubanga yabulako katono afe olw'omulimu gwa Kristo, bwe yasingawo obulamu bwe alyoke atuukirize ekyabulako mu kuweereza kwammwe gye ndi.

Essuula 3

- 1 Ebisigaddeyo, baganda bange, musanyukirenga Mukama waffe. Okubawandiikira ebimu tekunkonya nze, naye kuleeta mirembe gye muli.
- 2 Mwekuumenga embwa, mwekuumenga abakozi ababi, mwekuumenga abeesala:
- 3 kubanga ffe tuli abeekomola, abasinza ku bw'Omwoyo gwa Katonda, abeenyumiririza mu Kristo Yesu, era abateesiga mubiri:
- 4 newakubadde nga nze nnyinza n'okwesiga omubiri: omuntu omulala yenna bw'alowooza okwesiga omubiri, nze mmusinga:
- 5 nze eyakomolerwa ku lunaku olw'omunaana, ow'omu ggwanga lya Isiraeri, ow'omu kika kya Benyamini, Omwebbulaniya wawu; mu mateeka Mufalisaayo;
- 6 mu kunyiikira, nga njigganya ekkansa; mu butuukirivu obuli mu mateeka, nnal-abikanga nga ssiriiko kya kunenyezebwa.
- 7 Naye byonna ebyali amagoba gye ndi, ebyo nnabirowooza nga kufiirwa olwa Kristo.
- 8 Naye era n'ebintu byonna nnabirowooza nga kufiirwa olw'obulungi obungi obw'okutegeera Kristo Yesu Mukama wange: ku bw'oyo nnafiirwa ebintu byonna, era mbirowooza okubeera mpitambi, ndyoke nfune amagoba ye Kristo,
- 9 era ndyoke ndabikire mu ye, nga ssirina buruukirivu bwange obuva mu mateeka, wabula obutuukirivu obuliwo olw'okukkiriza Kristo, obuva eri Katonda mu kukkiriza:
- 10 ndyoke mmutegeere ye n'obuyinza obw'okuzuukira kwe n'okussa ekimu okw'ebibonoobono bye, nga mmufaanana ne mu kufa kwe;
- 11 bwe ndiyinza mu byonna byonna okutuuka ku kuzuukira kwe okuva mu bafu.
- 12 Si kugamba nti mmaze okuweebwa oba nti mmaze okutuukirizibwa: naye ngoberera

era ndyoke nkikwate ekyo kye yankwatira Kristo Yesu.

- 13 Ab'oluganda, sseerowooza nze nga mmaze okukwata: naye kimu kye nkola, nga nneerabira ebyo ebiri ennyuma, era nga nkununkiriza ebyo ebiri mu maaso,
- 14 nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu.
- 15 Kale ffe fenna abaatuukirira, tulowoozenga ekyo: era bwe mulowooza ebirala mu kigambo kyonna, era Katonda alibabikkulira n'ekyo:
- 16 naye kyokka, kye tutuuseeko, tutambulirenga mu ekyo.
- 17 Ab'oluganda, mukkiriziganye wamu mungobererenga, era mulabirenga ku abo abatambula nga bwe mulina ffe okuba ekyokulabirako.
- 18 Kubanga bangi abatambula be nnababuulirako emirundi emingi, ne kaakano mbabuulira nga nkaaba amaziga, nga be balabe ab'omusalaba gwa Kristo:
- 19 enkomerero yaabwe kwe kuzikirira, katonda waabwe lwe lubuto, era ekitiibwa kyabwe kiri mu nsonyi zaabwe, balowooza bya mu nsi.
- 20 Kubanga ffe ewaffe mu ggulu; era gye tulindirira Omulokozi okuvaayo, Mukama waffe Yesu Kristo:
- 21 aliwaanyisa omubiri ogw'okutoowazibwa kwaffe okufaananyizibwa ng'omubiri ogw'ekitiibwa kye, ng'okukola okwo bwe kuli okumuyinzisa n'okussa ebintu byonna wansi we.

Essuula 4

- 1 Kale, baganda bange abaagalwa be nnumirwa omwoyo, essanyu lyange era engule yange, muyimirenga bwe mutyo okunywerera mu Mukama waffe, abaagalwa.
- 2 Mbuulirira Ewodiya, era mbuulirira Suntuke, balowoozenga bumu mu Mukama waffe.
- 3 Nate era naawe, muddu munnange ddala ddala, nkwegayiridde obeerenga abakazi abo, kubanga baakolanga emirimu wamu nange mu njiri, era ne Kulementi, n'abalala bakozi bannange, amannya gaabwe gali mu kitabo ky'obulamu.
- 4 Musanyukirenga Mukama waffe ennaku zonna: nate njogera nti Musanyukenga.
- 5 Okuzibiikiriza kwammwe kumanyibwenga abantu bonna. Mukama waffe ali kumpi.
- 6 Temweraliikiriranga kigambo kyonna kyonna; naye mu kigambo kyonna mu kusbanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga bye mwagala bitegeezebwe eri Katonda.
- 7 N'emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna, ginaabakuumanga emitima gyammwe n'ebirowoozo byammwe mu Kristo Yesu.
- 8 Ebisigaddeyo, ab'oluganda, eby'amazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirivu byonna, ebirongoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna; oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga.
- 9 Bye mwayiga era ne muweebwa ne muwulira ne mulaba gye ndi, ebyo mubikolenga: ne Katonda ow'emirembe anaabeeranga nammwe.
- 10 Naye nsanyukidde nnyo Mukama waffe kubanga kaakano kye mujje musibuke okulowooza ebyange; naye ekyo okulowooza mwakirowoozanga, naye temwalina bbanga.
- 11 Si kubanga njogera olw'okwetaaga: kubanga nnayiga, embeera gye mbaamu yonna, obutabaako kye nneetaaga.
- 12 Mmanyi okwetoowaza, era mmanyi bwe kiba okuba n'ebintu ebingi: mu buli kigambo ne mu bigambo byonna nnayiga ekyama ekiri mu kukkuta ne mu kulumwa enjala, okuba n'ebingi era n'okuba mu bwetaavu.

- 13 Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi.
- 14 Naye mwakola bulungi okussa ekimu n'ebibonoobono byange.
- 15 Era mmwe, Abafiripi, mumanyi nga mu kusooka kw'enjiri, bwe nnava mu Makedoni, nga siwali kkanisa eyassa ekimu nange mu kigambo eky'okugaba n'okuweebwa, wabula mmwe mwekka;
- 16 kubanga era ne mu Ssessaloniika mwaweereza omulundi gumu, era n'ogw'okubiri, olw'okwetaaga kwange.
- 17 Si kubanga nnoonya kirabo; naye nnoonya bibala ebyeyongera ku muwendo gwammwe.
- 18 Naye nnina ebintu byonna, ne nsukkirira: nzikuse, bwe nnamala okuweebwa Epafulodito ebyava gye muli, evvumbe eriwunya obulungi, ssaddaaka ekkirizibwa, esiimibwa Katonda.
- 19 Era Katonda wange anaatuukirizanga buli kye mwetaaga, ng'obugagga bwe bwe buli mu kitiibwa mu Kristo Yesu.
- 20 Era Katonda era Kitaffe aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
- 21 Mulamuse buli mutukuvu mu Kristo Yesu. Ab'oluganda abali nange babalamusizza.
- 22 Abatukuvu bonna babalamusizza, naye okusinga ab'omu nnyumba ya Kayisaali.
- 23 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga n'omwoyo gwammwe.

Abakkolosaayi

Essuula 1

- 1 Pawulo omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda, ne Timoseewo ow'oluganda,
- 2 era abatukuvu, ab'oluganda abeesigwa mu Kristo ab'omu Kkolosaayi: ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe.
- 3 Twebaza Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, nga tubasabira ennaku zonna,
- 4 bwe twawulira okukkiriza kwammwe mu Kristo Yesu, n'okwagala kwe mulina eri abatukuvu bonna,
- 5 olw'essuubi eryaterekerwa mu ggulu, lye mwawulira edda mu kigambo eky'amazima ag'enjiri,
- 6 eyajja gye muli; era nga bw'eri mu nsi zonna, ng'ebala ebibala era ng'ekula, era nga ne mu mmwe, okuva ku lunaku bwe mwawulira ne mutegeera ekisa kya
- 7 Katonda mu mazima; nga bwe mwayigirizibwa Epafula muddu mu nnaaffe omwagalwa, ye muweereza omwesigwa owa Kristo ku lwaffe,
- 8 era eyatubuulira okwagala kwammwe mu Mwoyo.
- 9 Naffe kyetuva tetulekaayo, okuva ku lunaku bwe twawulira, okubasabira n'okubee-gayirira mulyoke mujjuzibwe okutegeeranga by'ayagala mu magezi gonna n'okutegeera eby'Omwoyo,
- 10 okutambulanga nga bwe kisaanira Mukama waffe olw'okusiimibwa kwonna, nga mubalanga ebibala mu buli kikulwa ekirungi, era nga mukuliranga mu kutegeera Katonda;
- 11 nga muyinzisibwanga n'obuyinza bwonna, ng'amaanyi ag'ekitiibwa kye bwe gali, olw'okugumiikiriza kwonna n'okuzibiikiriza awamu n'okusanyuka;
- 12 nga mwebaza Kitaffe, eyatusaanyiza ffe omugabo ogw'obusika obw'abatukuvu mu musana,
- 13 eyatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'Omwana we omwagalwa;
- 14 mwe tubeerera n'okununulwa, kwe kusonyiyibwa kw'ebibi byaffe:
- 15 oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye ow'ebitonde byonna;
- 16 kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa, mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebintu byonna byatondebwa ye, era ne ku lulwe;
- 17 naye ye w'olubereberye mu byonna, era ebintu byonna bibeerawo mu ye.
- 18 Era oyo gwe mutwe gw'omubiri, ye kkanisa: oyo lwe lubereberye, emubereberye ow'omu bafu; ye alyoke abeerenga ow'olubereberye mu byonna.
- 19 Kubanga Kitaffe yasiima okutuukirira kwonna okubeeranga mu ye;
- 20 n'okutabaganyisa ebintu byonna eri ye yennyini mu ye, bwe yamala okuleeta emirembe olw'omusaayi gw'omusalaba gwe; mu ye okutabaganyisa oba eby'oku nsi oba eby'omu ggulu.
- 21 Nammwe, bwe mwali edda bannaggwanga era abalabe mu kulowooza kwammwe mu bikolwa ebibi, naye kaakano yatabaganyisa
- 22 mu mubiri ogw'ennyama ye olw'okufa, okubanjula abatukuvu, abataliiko mabala abatanenyezebwa mu maaso ge:
- 23 bwe mubeera obubeezi mu kukkiriza, nga munywedde, nga temusagaasagana, so nga temuvudde mu ssuubi ly'enjiri gye mwawulira, eyabuulirwa mu bitonde byonna ebiri wansi w'eggulu; nze Pawulo gye nnafuukira omuweereza waayo.

- 24 Kaakano nsanyuse mu bibonoobono byange ku lwammwe, era ntuukiriza ebibulako mu kulaba ennaku kwa Kristo mu mubiri gwange olw'omubiri gwe, ye kkanisa;
- 25 nze gye nnafuukira omuweereza waayo, ng'obuwanika bwa Katonda bwe buli bwe nnaweebwa gye muli, okutuukiriza ekigambo kya Katonda,
- 26 ekyama ekyakwekebwa okuva edda n'edda n'emirembe n'emirembe: naye kaakano kyolesebbwa eri abatukuvu be,
- 27 Katonda be yayagala okutegeeza obugagga obw'ekitiibwa eky'ekyama kino bwe buli mu b'amawanga, ekyo ye Kristo mu mmwe, essuubi ery'ekitiibwa:
- 28 gwe tubuulira ffe, nga tulabula buli muntu, era nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna, tulyoke twanjule buli muntu ng'atuukiridde mu Kristo;
- 29 n'okufuba kye nfubira era, nga mpakana ng'okukola kwe bwe kuli, okukolera mu nze n'amaanyi.

Essuula 2

- 1 Kubanga njagala mmwe okumanya okufuba bwe kuli okunene kwe nnina ku lwammwe n'abo ab'omu Lawodikiya, ne bonna abatalabanga maaso gange mu mubiri;
- 2 emitima gyabwe giryoke gisanyusibwe, nga bagattibwa wamu mu kwagalana, n'okutuuka ku bugagga bwonna obw'okumanyira ddala okw'amagezi, bategeerenga ekyama kya Katonda, ye Kristo,
- 3 omuli obugagga bwonna obw'amagezi n'obw'okutegeera nga bukwekeddwa.
- 4 Ekyo kye njogera nti omuntu yenna alemenga okubalimbimba mu bigambo eby'okusendasenda.
- 5 Kubanga newakubadde nga ssiriiyo mu mubiri, naye mu mwoyo ndi nammwe, nga nsanyuka era nga ndaba empisa zammwe ennungi, n'obunywevu obw'okukkiriza kwammwe mu Kristo.
- 6 Kale nga bwe mwaweebwa Kristo Yesu Mukama waffe, mutambulirenga bwe mutyo mu ye,
- 7 nga mulina emmizi, era nga muzimbibwa mu ye, era nga munywezebwa okukkiriza kwammwe, nga bwe mwayigirizibwa, nga musukkirira okwebaza.
- 8 Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufirosofo n'eby'obulimba ebitalimu, okugobereranga ebyayigirizibwa abantu okugobereranga eby'olubereberye eby'ensi, okutali kugoberera Kristo
- 9 kubanga mu oyo mwe mutuula okutuukirira kwonna okw'obwakatonda ng'omubiri bwe guli,
- 10 era mwatuukiririra mu ye, gwe mutwe ogw'okufuga n'obuyinza bwonna
- 11 era mwakomolerwa mu oyo obukomole obutakomolebwa na mikono, mu kwambula omubiri ogw'ennyama, mu kukomolebwa kwa Kristo;
- 12 bwe mwaziikirwa awamu naye mu kubatizibwa, era kwe mwazuukiriramu olw'okukkiriza okukola kwa Katonda, eyamuzuukiza mu bafu.
- 13 Nammwe bwe mwali nga mufudde olw'ebyonoono byammwe n'obutakomolebwa mubiri gwammwe, yabafuula balamu wamu naye, bwe yamala okutusonyiwa ebyonoono byaffe byonna;
- 14 n'okusangula endagaano eyawandiikibwa mu mateeka, eyatwolekera, eyali omulabe waffe: nayo n'agiggyamu wakati mu kkubo, bwe yagikomorerera ku musalaba:
- 15 bwe yayambulira ddala obwami n'amasaza, n'abiwemuukiriza mu lwatu, bwe yabiwangulira ku gwo.
- 16 Kale omuntu yenna tabanenyanga mu by'okulya oba mu by'okunywa, oba olw'embaga oba olw'omwezi oguboneka oba olwa ssabbiiti:

- 17 ebyo kye kisiikirize ky'ebyo ebigenda okujja; naye omubiri gwe gwa Kristo.
- 18 Omuntu yenna tabanyagangako mpeera yammwe mu kwewombeeka kw'ayagala yekka n'okusinzanga bamalayika, ng'anywerera mu ebyo bye yalaba, nga yeegulumiririza bwereere mu magezi ag'omubiri gwe,
- 19 so nga teyeekwase Mutwe, omuva omubiri gwonna, ennyingo n'ebinyweza nga biguleetera era nga bigugatta wamu, nga gukula n'okukuza kwa Katonda.
- 20 Oba nga mwafiira wamu ne Kristo okuleka eby'olubereberye eby'ensi, kiki ekibee- teesa wansi w'amateeka, ng'abakyali abalamu mu nsi nti
- 21 Tokwatangako, so tolegangako, so tokomangako
- 22 (ebyo byonna biggweerawo mu kukolebwa) okugobereranga ebiragiro n'okuyigiriza eby'abantu?
- 23 Ebyo birina ddala ekifaananyi eky'amagezi mu kusinza Katonda abantu kwe bagunja bokka, ne mu kwewombeeka ne mu kubonyaabonya omubiri; naye tebiriiko kye bigasa n'akatono olw'okwegomba kw'omubiri.

Essuula 3

- 1 Kale oba nga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy'ali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.
- 2 Mulwoozenga ebiri waggulu, so si ebiri ku nsi.
- 3 Kubanga mwafa, n'obulamu bwammwe bukwekeddwa wamu ne Kristo mu Katonda.
- 4 Kristo, obulamu bwaffe, bw'alirabisibwa, era nammwe ne mulyoka mulabisibwa wamu naye mu kitiibwa.
- 5 Kale mufiise ebitundu byammwe ebiri ku nsi; obwenzi, obugwagwa, okwegomba okw'ensonyi, omululu omubi, n'okuyaayaana, kwe kusinza ebifaananyi;
- 6 olw'ebyo obusungu bwa Katonda bujja ku baana abatawulira;
- 7 era nammwe mu ebyo mwe mwatambuliranga edda, bwe mwali abalamu mu byo.
- 8 Naye kaakano era nammwe muggyeewo byonna, obusungu, ekiruyi, ettima, okuvuma, okunyumya eby'ensonyi mu kamwa kammwe:
- 9 temulimbagananga mwekka na mwekka; kubanga mwamweyambulako omuntu ow'edda wamu n'ebikolwa bye,
- 10 ne mwambala omuntu omuggya, afuulibwa omuggya olw'okutegeera mu kifaananyi ky'oyo eyamutonda:
- 11 awo tewayinza kubeerawo Muyonaani n'Omuyudaaya, okukomolwa n'obutakomolwa, munnaggwanga, Omusukusi, omuddu, ow'eddembe: naye Kristo bye bintu byonna ne mu byonna.
- 12 Kale mwambalenga ng'abalonde ba Katonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogw'ekisa, obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumiikiriza;
- 13 nga muzibiikirizagananga, era nga musonyiwagananga mwekka na mwekka, omuntu yenna bw'abeeranga n'ensonga ku muntu munne; era nga Mukama waffe bwe yaba-sonyiwa mmwe, era nammwe bwe mutyo:
- 14 ku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu ekinyweza okutuukirira.
- 15 Era emirembe gya Katonda giramulenga mu mitima gyammwe, era gye mwayitirwa mu mubiri ogumu; era mubeerenga n'okwebaza.
- 16 Ekigambo kya Kristo kibeerenga mu mmwe n'obugagga mu magezi gonna; nga muyigirizagananga era nga mulabulagananga mwekka na mwekka mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiye eby'Omwoyo, nga muyimbira Katonda mu kisa mu mitima gyammwe.
- 17 Era buli kye munaakolanga, mu kigambo oba mu kikulwa, mukolerenga byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu, nga mwebaza Katonda Kitaffe ku bubwe.

- 18 Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe kiri ekirungi mu Mukama waffe.
- 19 Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, so temubakwatirwanga bukambwe.
- 20 Abaana abato, muwulirenga bakadde bammwe mu byonna, kubanga ekyo kye kisiimibwa mu Mukama waffe.
- 21 Bakitaabwe, temunyiizanga baana bammwe, balemenga okuddirira omwoyo.
- 22 Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab'omu mubiri mu byonna, si mu kuweereza okw'okungulu ng'abasiimibwa abantu, wabula mu mutima ogutalina bukuusa, nga mutya Mukama waffe:
- 23 buli kye munaakolanga mukolenga n'omwoyo, nga ku bwa Mukama waffe so si ku bwa bantu;
- 24 nga mumanyi nga mulisasulibwa Mukama waffe empeera ey'obusika: muli baddu ba Mukama waffe Kristo.
- 25 Kubanga ayonoona aliweebwa nate nga bwe yayonoona: so siwali kusosola mu bantu.

Essuula 4

- 1 Bakama baabwe, mugabirenga abaddu bammwe eby'obutuukirivu n'okwenkanyankanyanga; nga mumanyi nga era nammwe mulina Mukama wammwe mu ggulu.
- 2 Munyiikirirenga mu kusaba, nga mutunulanga mu kusaba mu kwebaza;
- 3 nate nga mutusabira naffe, Katonda okutuggulirawo oluggi olw'ekigambo, okwogera ekyama kya Kristo, n'okusibibwa kye nnasibirwa;
- 4 ndyoke nkyolesenga, nga bwe kiwanidde okwogera.
- 5 Mutambulirenga mu magezi eri abo ab'ebweru, nga mweguliranga ebbanga.
- 6 Ebigambo byammwe bibeerenga n'ekisa ennaku zonna, nga binoga omunnyo, mulyoke mumanye bwe kibagwanidde okwanukulanga buli muntu yenna.
- 7 Tukiko, ow'oluganda omwagalwa era omuweereza omwesigwa era muddu munnaffe mu Mukama waffe, alibategeeza ebifa gye ndi byonna:
- 8 gwe ntuma gye muli olw'ensonga eno, mulyoke mutegeere ebifa gye tuli era asanyuse emyooyo gyammwe;
- 9 wamu ne Onnessimo, ow'oluganda omwesigwa omwagalwa, ow'ewammwe. Bali-bategeeza ebifa wano byonna.
- 10 Alisutaluuko, musibe munnange, abalamusizza, ne Makko, mujjwa wa Balunabba, (gwe mwalagirwa; bw'alijja gye muli, mumwanirizanga),
- 11 ne Yesu ayitibwa Yusito, ab'omu bakomole: abo bokka be bakozi bannange olw'obwakabaka bwa Katonda, abansanyusanga.
- 12 Epafula, ow'ewammwe, omuddu wa Kristo Yesu, abalamusizza, afuba ennaku zonna ku lwammwe mu kusaba kwe, mulyoke muyimirirenga nga muli batuukirivu era nga mutegeerera ddala mu byonna Katonda by'ayagala.
- 13 Kubanga ndi mujulirwa we ng'alina emirimu mingi ku lwammwe, n'ab'omu Lawodikiya, n'ab'omu Kiyerapoli.
- 14 Lukka, omusawo omwagalwa, ne Dema babalamusizza.
- 15 Mulamuse ab'oluganda ab'omu Lawodikiya, ne Nunfa, n'ekkanisa ey'omu nnyumba yaabwe.
- 16 Era ebbaluwa eno bw'emalanga okusomerwa mu mmwe, era mugisomere ne mu kkanisa ey'Abalawodikiya; era nammwe musome eriva mu Lawodikiya.
- 17 Era mugambe Alukipo nti Weekuumenga okuweereza kwe waweewwa mu Mukama waffe, okukutuukiriza.
- 18 Kuno kwe kulamusa kwange n'omukono gwange nze Pawulo. Mujjukirenga okusi-bibwa kwange. Ekisa kibeerenga nammwe.

1 Abasessaloniika

Essuula 1

- 1 Pawulo ne Sirwano ne Timoseewo eri ekkanisa ey' Abasessaloniika eri mu Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo: ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe.
- 2 Twebaza Katonda ku lwammwe mwenna ennaku zonna, nga tuboogerako mu kusaba kwaffe;
- 3 nga tujjukira bulijjo omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala, n'okugumiikiriza okw'essuubi lya Mukama waffe Yesu Kristo, mu maaso ga Katonda era Kitaffe;
- 4 nga tumanyi, ab'oluganda abaagalwa Katonda, okulondebwa kwammwe,
- 5 kubanga enjiri yaffe teyajja gye muli mu kigambo bugambo, wabula era ne mu maanyi, ne mu Mwoyo Omutukuvu, ne mu kutegeerera ddala okungi; nga bwe mumanyi bwe twali gye muli ku lwammwe.
- 6 Nammwe ne mutugoberera ffe ne Mukama waffe, bwe mwatoolera ekigambo mu kubonaabona okungi, n'essanyu ery'Omwoyo Omutukuvu;
- 7 mmwe n'okuba ne muba ekyokulabirako eri abakkiriza bonna mu Makedoni ne mu Akaya.
- 8 Kubanga gye muli ye yava eddoboosi ly'ekigambo kya Mukama waffe, si mu Makedoni ne mu Akaya yokka, naye mu buli kifo okukkiriza kwammwe eri Katonda kwabuna; bwe tutyo ne tutabaako kigambo kye twetaaga okwogera.
- 9 Kubanga bo bokka babuulira ebyaffe okuyingira kwaffe gye muli bwe kwali; era ne bwe mwakyukira Katonda okuleka ebifaananyi, okuweerezanga Katonda omulamu ow'amazima,
- 10 n'okulindiriranga Omwana we okuva mu ggulu, gwe yazuukiza mu bafu, Yesu, atulokola mu busungu obugenda okujja.

Essuula 2

- 1 Kubanga mmwe mwekka, ab'oluganda, mumanyi ng'okuyingira kwaffe gye muli tekwali kwa bwereere:
- 2 naye bwe twamala okubonaabona n'okugirirwa ekyejo mu Firipi, nga bwe mumanyi, ne tugumira mu Katonda waffe okubuulira gye muli enjiri ya Katonda mu kufuba okungi.
- 3 Kubanga okubuulirira kwaffe si kwa bulimba, so si kwa bugwagwa, so si mu bukuusa:
- 4 naye nga bwe twasaanyizibwa Katonda okuteresebwa enjiri, bwe twogera bwe tutyo, si ng'abaagala okusiimibwa abantu, wabula Katonda akema emitima gyaffe.
- 5 Kubanga tetubeeranga na kigambo eky'okwegonza, nga bwe mumanyi, newakubadde n'ensonga ey'okukisa okwegomba, Katonda ye mujulirwa;
- 6 newakubadde nga tunoonya ekitiibwa eri abantu, newakubadde eri mmwe,
- 7 Naye twali bawombeefu mu mmwe, ng'omulezi bw'ajjanjaba abaana be ye:
- 8 bwe tutyo bwe twabalumirwa omwoyo, ne tusiima okubagabira, si njiri ya Katonda yokka, era naye n'emyooyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo.
- 9 Kubanga mujjukira, ab'oluganda, okufuba kwaffe n'okutegana: bwe twakolanga emirimu emisana n'ekiro, obutazitoowereranga muntu yenna ku mmwe, ne tubabuuliranga enjiri ya Katonda.
- 10 Mmwe bajulirwa era ne Katonda, bwe twabanga n'obutukuvu n'obutuukirivu awatali kunenyezebwa eri mmwe abakkiriza:
- 11 nga bwe mumanyi ffe bwe twali eri buli muntu ku mmwe, nga kitaabwe bw'aba eri

- abaana be, nga tubabuulirira era nga tubagumya emyoyo era nga tutegeeza,
- 12 mulyoke mutambulenga nga bwe kisaanira Katonda abayita okuyingira mu bwakabaka bwe ye n'ekitiibwa.
 - 13 Naffe kyetuva twebaza Katonda obutayosa, kubanga bwe mwaweebwa ffe ekigambo eky'okuwulirwa, kye kya Katonda, temwakitoola nga kigambo kya bantu, naye nga bwe kiri amazima, ekigambo kya Katonda, n'okukola ekikolera mu mmwe abakkiriza.
 - 14 Kubanga mmwe, ab'oluganda, mwagoberera ekanisa za Katonda eziri mu Buyudaaya mu Kristo Yesu: kubanga nammwe mwabonyaabonyezebwa bwe mutyo ab'eggwanga lyammwe mmwe, nga nabo bwe baabonyaabonyezebwa Abayudaaya;
 - 15 abatta Mukama waffe Yesu ne bannabbi, era abaatugoba, so tebasimibwa Katonda, era balabe ba bantu bonna;
 - 16 nga batuziyiza okubuulira ab'amawanga balyoke balokoke; okutuukiriza ebibi byabwe ennaku zonna: naye obusungu bubatuuseeko obumalira ddala.
 - 17 Naye ffe, ab'oluganda, bwe mwatwawukanako akaseera akatono, mu maaso si mu mutima, tweyongera nnyo okufuba okubalaba mu maaso gammwe n'okubalumirwa ennyo omwoyo:
 - 18 kubanga twayagala okujja gye muli, nze Pawulo omulundi ogw'olubereberye era n'ogw'okubiri; Setaani n'atuziyiza.
 - 19 Kubanga essuubi lyaffe ki oba ssanyu oba ngule ey'okwenyumiriza? Bwe mutaba mmwe, mu maaso ga Mukama waffe Yesu mu kujja kwe?
 - 20 Kubanga mmwe kitiibwa kyaffe n'essanyu.

Essuula 3

- 1 Kyetwava tusiima okulekebwa ennyuma feka mu Asene, bwe tutaayinza kugumiikiriza nate;
- 2 ne tutuma Timoseewo muganda waffe era omuweereza wa Katonda mu njiri ya Kristo, okubanyweza n'okubasanyusa olw'okukkiriza kwammwe;
- 3 omuntu yenna aleme okusagaasagana mu kubonaabona kuno; kubanga mwekka mumanyi ng'ekyo kye twateekerwawo.
- 4 Kubanga mazima, bwe twali gye muli, twababuulira olubereberye nga tugenda okubonaabona; era bwe kyali bwe kityo era nga bwe mumanyi.
- 5 Nange kyennava ntuma, bwe ssaayinza kugumiikiriza nate, ndyoke mmanye okukkiriza kwammwe; oba nga mpozzi omukemi oyo yabakema okufuba kwaffe ne kuba okw'obwereere.
- 6 Naye Timoseewo kaakano bwe yajja gye tuli ng'ava gye muli, n'atuleetera ebigambo ebirungi eby'okukkiriza n'okwagala kwammwe, era nga mutujjukira bulungi ennaku zonna, nga mutulumirwa okutulaba, era nga ffe bwe tubalumirwa mmwe;
- 7 kyetwava tusanyusibwa, ab'oluganda, ku lwammwe mu kulaba ennaku n'okubonaabona kwaffe kwonna olw'okukkiriza kwammwe;
- 8 kubanga kaakano tuli balamu, mmwe bwe muyimirira mu Mukama waffe.
- 9 Kubanga kwebaza ki kwe tuyinza okusasula Katonda ku lwammwe, olw'essanyu lyonna lye tusanyuka ku lwammwe mu maaso ga Katonda waffe;
- 10 emisana n'ekiro nga tusaba nnyo nnyini okulaba ku maaso gammwe, n'okutuukiriza ebitatuuka mu kukkiriza kwammwe?
- 11 Naye Katonda yennyini era Kitaffe, ne Mukama waffe Yesu agolole ekkubo lyaffe okujja gye muli:
- 12 nammwe Mukama waffe abongerengako abasukkirizenga okwagalananga mwekka na mwekka n'eri bonna, era nga naffe eri mmwe;

- 13 alyoke anywezenga emitima gyammwe nga tegiriiko kunenyezebwa mu butukuvu, mu maaso ga Katonda waffe era Kitaffe, mu kujja kwa Mukama waffe Yesu wamu n'abatukuvu be bonna.

Essuula 4

- 1 Kale, ab'oluganda, ebisigaddeyo, tubeegayirira tubabuulirira mu Mukama waffe Yesu, nga bwe mwaweebwa ffe bwe kibagwanira okutambulanga n'okusiimibwanga Katonda, era nga bwe mutambula; okweyongerangako nate.
- 2 Kubanga mumanyi ebiragiro bwe biri bye twabalagira ku bwa Mukama waffe Yesu.
- 3 Kubanga ekyo Katonda ky'ayagala, okutukuzibwa kwammwe, okwewalanga obwenzi;
- 4 buli muntu ku mmwe okumanyanga okufuga omubiri gwe ye mu butukuvu n'ekiti-ibwa,
- 5 si mu mululu ogw'okwegomba, era ng'amawanga agatamanyi Katonda;
- 6 alemenga okuyingirira muganda we newakubadde okumusobyako mu kigambo ekyo: kubanga Mukama waffe awalana eggwanga ery'ebyo byonna, era nga bwe twasooka okubabuulira n'okutegeereza ddala.
- 7 Kubanga Katonda teyatuyitira bugwagwa, wabula mu butukuvu.
- 8 Kale agaana tagaana muntu, wabula Katonda, abawa Omwoyo gwe Omutukuvu.
- 9 Naye okuwandiikirwa ku by'okwagalanga ab'oluganda okwo temukwetaaga: kubanga mmwe mwekka mwayigirizibwa Katonda okwagalananga;
- 10 kubanga n'okukola mukola bwe mutyo ab'oluganda bonna ab'omu Makedoni yonna. Naye tubabuulirira ab'oluganda, okweyongeranga okusukkirira;
- 11 era mwegombe okukkakkananga, n'okukolanga ebyammwe mmwe, n'okukolanga emirimu n'emikono gyammwe, nga bwe twabalagira;
- 12 mulyoke mutambulirenga mu mpisa ennungi eri ab'ebweru, nga temuliiko kye mwe-taaga.
- 13 Naye tetwagala mmwe obutategeera, ab'oluganda, eby'abo abeebaka; mulemenga okunakuwala, era ng'abalala abatalina ssuubi.
- 14 Kubanga bwe tukkiriza nga Yesu yafa n'azuukira, era Katonda alireeta bw'atyo abeebaka ku bwa Yesu wamu naye.
- 15 Kubanga ekyo kye tubabuulira mu kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe tetulisooka abeebaka.
- 16 Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi lya malayika omukulu n'ekondeere lya Katonda: n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira:
- 17 naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tutwalibwa wamu nabo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga: kale bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna.
- 18 Kale musanyusaganenga mwekka na mwekka n'ebigambo bino.

Essuula 5

- 1 Naye eby'entuuko n'ebiro, ab'oluganda, temwetaaga kubiwandiikirwa.
- 2 Kubanga mwekka mumanyidde ddala ng'olonaku lwa Mukama waffe lujja ng'omubbi ekiro, bwe lutyo.
- 3 Bwe baliba nga boogera nti Mirembe, siwali kabi, okuzikiriza okw'amangu ne kulyoka kubajjira, ng'okulumwa bwe kujjira omukazi ali olubuto; so tebaliwona n'akatono.

- 4 Naye mmwe, ab'oluganda, temuli mu kizikiza, olunaku luli okubasisinkaniriza ng'omubbi:
- 5 kubanga mmwe mwenna muli baana ba kutangaala, era muli baana ba musana: tetuli ba kiro newakubadde ab'ekizikiza;
- 6 kale nno tulemenga okwebaka ng'abalala, naye tutunulenga tulemenga okutamiira.
- 7 Kubanga abeebaka beebaka kiro; n'abatamiira batamiira kiro.
- 8 Naye ffe, kubanga tuli ba musana, tulemenga okutamiira, nga twambadde eky'omu kifuba eky'okukkiriza n'okwagala, n'enkuufiira, essuubi ly'obulokozi.
- 9 Kubanga ffe Katonda teyatuteekerawo busungu, wabula okuweebwa obulokozi ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo,
- 10 eyatufiirira ffe, bwe tutunula oba bwe twebaka tulyoke tubeere abalamu wamu naye.
- 11 Kale musanyusanenga, era muzimbaganenga buli muntu munne, era nga bwe mukola.
- 12 Naye tubeegayirira, ab'oluganda, okumanyanga abafuba okukola emirimu mu mmwe, ababafuga mu Mukama waffe, abababuulirira;
- 13 n'okubassaagamu ekitiibwa ennyo nnyini mu kwagala olw'omulimu gwabwe. Mubeerenga n'emirembe mu mmwe.
- 14 Era tubabuulirira, ab'oluganda, munenyenga abatatambula bulungi, mugumyenga abalina omwoyo omunafu, muyambenga abatalina maanyi, mugumiikirizenga eri bonna.
- 15 Mulabe omuntu yenna alemenga okuwalana ekibi olw'ekibi; naye ennaku zonna mugobererenga ekirungi mwekka na mwekka n'eri bonna.
- 16 Musanyukenga ennaku zonna;
- 17 musabenga obutayosa;
- 18 mwebazenga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mu Kristo Yesu gye muli.
- 19 Temuzikizanga Mwoyo;
- 20 temunyoomanga bunnabbi;
- 21 mugezengako ku bigambo byonna; munywerezenga ddala ekirungi;
- 22 mwewalenga buli ngeri ya bubi.
- 23 Era Katonda ow'emirembe yennyini abatukulize ddala; era omwoyo gwammwe n'obulamu n'omubiri byonna awamu bikuumibwenga awatali kunenyezebwa mu kujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo.
- 24 Abayita mwesigwa, n'okukola ye alikola.
- 25 Ab'oluganda, mutusabirenga.
- 26 Mulamuse ab'oluganda bonna n'okunywegera okutukuvu.
- 27 Mbalayiza Mukama waffe okusomera ebbaluwa eno ab'oluganda bonna.
- 28 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga wamu nammwe.

2 Abasessaloniika

Essuula 1

- 1 Pawulo ne Sirwano ne Timoseewo eri ekkanisa ey' Abasessaloniika mu Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo;
- 2 ekisa kibeerenga gye muli n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.
- 3 Kitugwanidde okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, ab'oluganda, nga bwe kisaana, kubanga okukkiriza kwammwe kukula nnyo, n'okwagalana kwa buli muntu ku mmwe mwenna mwekka na mwekka kweyongera;
- 4 naffe bennyini n'okwenyumiriza ne twenyumirizanga mu mmwe mu kkanisa za Katonda olw'okugumiikiriza kwammwe n'okukkiriza mu kuyigganyizibwa kwammwe kwonna n'okubonaabona kwe muzibiikiriza;
- 5 ebyo ke kabonero k'omusango gwa Katonda ogw'ensonga; mulyoke musaanyizibwe obwakabaka bwa Katonda, n'okubonaabona bwe mubonaabonera:
- 6 oba nga kya nsonga eri Katonda okubasasula okubonaabona abababonyaabonya,
- 7 era nammwe ababonyaabonyezebwa okubasasula okwesiima awamu naffe, mu kubikkulibwa kwa Mukama waffe Yesu okuva mu ggulu awamu ne bamalayika ab'obuyinza bwe,
- 8 mu muliro ogwaka, ng'awalana eggwanga abatamanyi Katonda, n'abo abatagondera njiri ya Mukama waffe Yesu:
- 9 abalibonerezebwa, kwe kuzikirira emirembe n'emirembe okuva mu maaso ga Mukama waffe ne mu kitiibwa ky'amaanyi ge,
- 10 bw'alijja okuweebwa ekitiibwa mu batukuvu be, n'okwewuunyizibwa mu bonna abakkiriza (kubanga okutegeeza kwaffe gye muli kwakkirizibwa) ku lunaku luli.
- 11 Kyetuva tubasabira ennaku zonna, Katonda waffe abasaanyize okuyitibwa kwammwe, era atuukirize n'amaanyi buli kye mwagala eky'obulungi na buli mulimu ogw'okukkiriza;
- 12 erinnya lya Mukama waffe Yesu liryoke liweebwe ekitiibwa mu mmwe, era nammwe mu ye, ng'ekisa kya Katonda waffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bwe kiri.

Essuula 2

- 1 Naye tubeegayirira, ab'oluganda, olw'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo n'olw'okukuaana kwaffe gy'ali;
- 2 obutasagaasagana mangu mu magezi gammwe, newakubadde okweraliikirira newakubadde olw'omwoyo, newakubadde olw'ebbaluwa efaanana ng'evudde gye tuli, nti olunaku lwa Mukama waffe lutuuse;
- 3 omuntu yenna tabalimbanga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga olunaku olwo terulijja wabula ng'okwawukana kuli kumaze kubaawo, era omuntu oli ow'okwonoona nga alimala okubikkulwa, omwana w'okuzikirira,
- 4 aziyiza era eyeegulumiza okusinga buli kintu ekiyitibwa Katonda oba ekisinzibwa, n'okutuula n'atuula mu yeekaalu ya Katonda, nga yeeraga yekka nti ye Katonda.
- 5 Temujjukira, nga bwe nnali nga nkyali gye muli, nababuulira ebyo?
- 6 Era ne kaakano ekirobera mukimanyi, alyoke abikkuke mu ntuuko ze.
- 7 Kubanga ne kaakano ekyama eky'obujeemu weekiri kikola: wabula kyokka aziyiza kaakano okutuusa lw'aliggibwawo.
- 8 Awo omujeemi oli n'alyoka abikkuka, Mukama waffe Yesu gw'alitta n'omukka ogw'omu kamwa ke, era gw'alizikiriza n'okulabisibwa kw'okujja kwe;

- 9 naye okujja kw'oyo kuli mu kukola kwa Setaani n'amaanyi gonna n'obubonero n'ebya'amagero eby'obulimba,
- 10 n'okukyamyama kwonna okutali kwa butuukirivu eri abo ababula; kubanga tebakkiriza kwagala mazima, balyoke balokoke.
- 11 Katonda kyava abasindikira okukyamyama okukola, bakkirize eby'obulimba:
- 12 bonna balyoke basalirwe omusango abatakkiriza mazima naye abasanyukira obutali butuukirivu.
- 13 Naye kitugwanidde ffe okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, ab'oluganda abaagalwa Mukama waffe, kubanga Katonda yabalondera obulokozi okuva ku lubereberye mu kutukuzibwa Omwoyo n'okukkiriza amazima
- 14 bye yabayitira n'enjiri yaffe olw'okufuna ekitiibwa kya Mukama waffe Yesu Kristo.
- 15 Kale nno ab'oluganda, muyimirirenga, era munywezenga bye mwaweebwa ne muyigirizibwa, oba mu kigambo oba mu bbaluwa yaffe.
- 16 Naye Mukama waffe Yesu Kristo yennyini, ne Katonda Kitaffe, eyatwagala n'atuwa okusanyusa okutaggwaawo n'essuubi eddungu mu kisa,
- 17 abasanyuse emitima gyammwe aginywezenga mu buli kikulwa n'ekigambo ekirungi.

Essuula 3

- 1 Ebisigaddeyo, ab'oluganda, mu tusabirenga ekigambo kya Mukama waffe, kiwulukuke, kiweebwenga ekitiibwa, era nga mu mmwe;
- 2 era tulokoke eri abantu abatalina magezi, ababi; kubanga okukkiriza si kwa bonna.
- 3 Naye Mukama waffe mwesigwa, alibanyweza, anaabakuumanga eri omubi.
- 4 Era twesiga Mukama waffe mu bigambo byammwe, nga mukola bye tulagira era munaabikolanga.
- 5 Era Mukama waffe aluamyenga emitima gyammwe okutuuka mu kwagala kwa Katonda ne mu kugumiikiriza kwa Kristo.
- 6 Era tubalagira, ab'oluganda mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mweyawulenga eri buli ow'oluganda atatambula bulungi newakubadde mu mpisa ze baaweebwa ffe.
- 7 Kubanga mmwe mwennyini mumanyi bwe kibagwanira okutugobereranga: kubanga tetwalemwa kutambula bulungi mu mmwe;
- 8 so tetulyanga mmere ya muntu yenna ya bwereere, naye mu kufuba n'okukoowa twakolanga emirimu ekiro n'emisana obutazitoowerera muntu ku mmwe;
- 9 si kubanga tetulina buyinza, naye tweweeyo gye muli ng'ekyokulabirako mulyoke mutugobereranga.
- 10 Kubanga era bwe twali gye muli, twabalagira bwe tutyo nti Omuntu yenna bwaagananga okukola emirimu, n'okulya talyanga.
- 11 Kubanga tuwulira nti eriyo abamu abatambula bulungi mu mmwe nga tebakola mirimu gyabwe n'akatono, wabula egy'abalala.
- 12 Abali bwe batyo tubalagira era tubabuulirira mu Mukama waffe Yesu Kristo, okukolanga emirimu n'obuteefu balyoke balyenga emmere yaabwe bo.
- 13 Naye mmwe, ab'oluganda, temukoowanga mu kukola obulungi.
- 14 Era omuntu yenna bw'atagonderanga kigambo kyaffe mu bbaluwa eno, oyo mumwetegerezanga, so temwegattanga naye, ensanyi ziryoze zimukwate.
- 15 So temumulowoozanga nga mulabe, naye mumubuuliriranga ng'ow'oluganda.
- 16 Era Mukama waffe ow'emirembe yennyini abawenga emirembe ennaku zonna mu bigambo byonna. Mukama waffe abeerenga nammwe mwenna.
- 17 Kuno kwe kulamusa kwange Pawulo n'omukono gwange, ke kabonero mu bbaluwa yonna: bwe ntyo bwe mpandiika.

18 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe mwenna.

1 Timoseewo

Essuula 1

- 1 Pawulo, omutume wa Kristo Yesu ng'okulagira kwa Katonda Omulokozi waffe bwe kuli n'okwa Kristo Yesu essuubi lyaffe;
- 2 eri Timoseewo omwana wange ddala olw'okukkiriza: ekisa, okusaasira, emirembe bibenga gy'oli ebiva eri Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe.
- 3 Nga bwe nnakubuulirira okubeera mu Efeso, bwe nnali nga enda e Makedoni, olagirenga abamu obutayigirizanga bulala,
- 4 newakubadde okulowoozanga enfumo n'ebigambo by'obuzaale ebitakoma, ebireeta empaka okusinga obuwanika bwa Katonda obuli mu kukkiriza; bwe nkola bwe ntyo ne kaakano.
- 5 Naye enkomerero y'ekiragiro kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa:
- 6 ebyo abamu babiwunjukamu ne bakyamira mu bigambo ebitaliimu;
- 7 nga baagala okuba ng'abayigiriza b'amateeka, nga tebategeera bye boogera newakubadde bye bakakasa.
- 8 Naye tumanyi ng'amateeka malungi, omuntu bw'agasoma ng'amateeka bwe gali,
- 9 ng'amanyi ekyo nti amateeka tegateekerwawo muntu mutuukirivu, wabula abatali batuukirivu n'abajeemu, abatatya Katonda n'abalina ebibi, abatali batukuvu n'abavvoola Katonda, abatta bakitaabwe ne bannyaabwe, abassi b'abantu,
- 10 abenzi, abalya ebisiyaga, abanyazi b'abantu, abalimba, abalayirira obwereere, n'ebirala byonna ebiwakana n'okuyigiriza okw'obulamu;
- 11 ng'enjiri bw'eri ey'ekitiibwa kya Katonda eyeebazibwa gye nnateresebwa nze.
- 12 Mmwebaza oyo eyampa amaanyi, ye Kristo Yesu Mukama waffe, kubanga yandowooza nga ndi mwesigwa, bwe yanteeka mu buweereza,
- 13 olubereberye bwe nnali omuvumi era omuyigganya era ow'ekyejo: naye nnasaasirwa kubanga nnakolanga nga ssimanyi mu butakkiriza;
- 14 ekisa kya Mukama waffe ne kyeyongerera nnyo wamu n'okukkiriza n'okwagala okuli mu Kristo Yesu.
- 15 Ekigambo kyesigwa, era ekisaanira okukkirizibwa kwonna nti Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi; mu bo nze w'olubereberye;
- 16 naye kyennava nsaasirwa Yesu Kristo alyoke alabisize mu nze ow'olubereberye okugumiikiriza kwe kwonna, okubeeranga ekyokulabirako eri abo abagenda okumukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo.
- 17 Era Kabaka ow'emirembe n'emirembe, ataggwaawo, atalabika, Katonda omu, aweebwenga ettendo n'ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
- 18 Ekiragiro kino nkuteresa, mwana wange Timoseewo, ng'ebigambo bya bannabbi bwe byali bye baakwogerako edda, olyoke olwanirenga mu byo olutalo olulungi,
- 19 ng'onnyweza okukkiriza n'omwoyo omulungi, abalala gwe basindika eri ne bamenyekerwa okukkiriza kwabwe:
- 20 mu abo ye Kumenayo ne Alegezanda: be nnawa eri Setaani, balyoke bayigirizibwe obutavumanga.

Essuula 2

- 1 Kale okusooka byonna mbabuulirira okwegayiriranga n'okusabanga n'okutakabananga n'okwebazanga bikolebwenga ku lw'abantu bonna;
- 2 ku lwa bakabaka n'abakulu bonna; tulyoke tubeerenga n'obulamu obutereevu

- obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza.
- 3 Ekyo kye kirungi, ekikkirizibwa mu maaso g'Omulokozi waffe Katonda,
 - 4 ayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegeerera ddala amazima.
 - 5 Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu,
 - 6 eyeewaayo abe omutango olwa bonna; okutegeeza kulibaawo mu ntuuko zaakwo:
 - 7 nze kwe nateekerwa omubuulizi era omutume (njogera mazima, ssirimba), omuyigiriza w'amawanga olw'okukkiriza n'amazima.
 - 8 Kyenya njagala abasajja basabenga mu buli kifo, nga bayimusa emikono emitukuvu, awatali busungu na mpaka.
 - 9 Bwe batyo n'abakazi beeyonjenga mu byambalo ebisaana, n'okukwatibwa ensanyi n'okwegendereza; si mu kulanganga enviiri, ne zaabu oba luulu oba engoye ez'omuwendo omungi;
 - 10 naye (nga bwe kisaanira abakazi abeeyita abatya Katonda) n'ebikolwa ebirungi.
 - 11 Omukazi ayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna.
 - 12 Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, newakubadde okufuganga omusajja, naye okubeeranga mu bukkakkamu.
 - 13 Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa;
 - 14 era Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona:
 - 15 naye anaalokokanga mu kuzaala, bwe banaanyiikiranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza.

Essuula 3

- 1 Kyesigwa ekigambo ekyo nti Omuntu bw'ayagalanga obulabirizi, yeegomba mulimu mulungi.
- 2 Kale omulabirizi kimugwanira obutabangako kya kunenyezebwa, abeerenga musajja wa mukazi omu, atatamiira, mwegendereza, mukwata mpola, ayaniriza abagenyi,
- 3 atayombera ku mwenge, atakuba; naye omuwombeefu, atalwana, ategomba bintu;
- 4 afuga obulungi ennyumba ye ye, agonza abaana be mu kitiibwa kyonna;
- 5 (naye omuntu bw'atamanya kufuga nnyumba ye ye, ayinza atya okujjanjaba ekanisa ya Katonda?)
- 6 si oyo eyaakakyuka, alemenga okwekulumbaza n'amala agwa mu musango gwa Setaani.
- 7 Era nate kimugwanira okubeeranga n'okutegeezebwa okulungi eri abo ab'ebweru, alemenga okugwa mu kuvumibwa ne mu kyambika kya Setaani.
- 8 Bwe batyo n'abaweereza kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, si bannimibirye, abatanywanga mwenge mungi, si beegombi ba bintu;
- 9 nga bakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi.
- 10 Era nate abo basookenga okukemebwa, balyoke baweereze, nga tebaliiko kya kunenyezebwa.
- 11 Bwe batyo n'abakazi kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, abatawayiriza, abatatamiira, abeesigwa mu byonna.
- 12 Abaweereza babeereaga basajja ba mukazi omu, nga bafuga abaana baabwe obulungi n'ennyumba zaabwe bo.
- 13 Kubanga abamala okuweereza obulungi beefunira obukulu obulungi n'obugumu bungi mu kukkiriza okuli mu Kristo Yesu.
- 14 Nkuwandiikidde ebyo nga nsuibira okujja gy'oli mangu;
- 15 naye bwe ndwanga olyoke obe ng'omanyi bwe kigwana okukolanga mu nnyumba ya Katonda, ye kkanisa ya Katonda omulamu, empagi n'omusingi eby'amazima.

- 16 Era awatali kubuusuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu; oyo eyalabisibwa mu mubiri, n'aweewwa obutuukirivu mu mwoyo, n'alabibwa bamalayika, n'abuulirwa mu mawanga, n'akkirizibwa mu nsi, n'atwalibwa mu kitiibwa.

Essuula 4

- 1 Naye Omwoyo ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bawulira emyoyo egikyanya n'okuyigiriza kwa basetaani,
- 2 olw'obunnanfuusi bw'abalimba, nga bookebwa emyoyo gyabwe nga n'ekyuma ekyokya,
- 3 nga bawera okufumbiriganwanga era nga balagira okulekanga ebiriibwa, Katonda bye yatonda biriirwenga mu kwebaza abakkiriza ne bategeerera ddala amazima.
- 4 Kubanga buli kitonde kya Katonda kirungi, so siwali kya kusuula bwe kitoolebwa n'okwebaza:
- 5 kubanga kitukuzibwa na kigambo kya Katonda n'okusaba.
- 6 Bw'onojjukizanga ab'oluganda ebyo, onoobaaga muweereza mulungi owa Kristo Yesu, ng'okulira mu bigambo eby'okukkiriza n'eb'okuyigiriza okulungi kwe wagob-erera:
- 7 naye enfumo ezitali za ddiini ez'obusirusiru z'oba olekanga. Weemanyiiizenga okutya Katonda:
- 8 kubanga okwemanyiiiza kw'omubiri kugasa akaseera katonu; naye okutya Katonda kugasa mu byonna, kubanga kulina okusuubiza kw'obulamu obwa kaakano n'obw'obugenda okujja.
- 9 Ekigambo ekyo kyesigwa era ekisaanira okukkirizibwa kwonna.
- 10 Kubanga kyetuva tutegana ne tufuba, kubanga twasuubira Katonda omulamu, Omulokozi w'abantu bonna, okusinga w'abakkiriza,
- 11 Lagiranga ebyo obiyigirizenga,
- 12 Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuka bwo; naye beeranga kya kulabirako eri abo abakkiriza mu kwogeranga, mu kutambulanga: mu kwagalanga, mu kukkirizanga, mu kubanga omulongoofu.
- 13 Okutuusa lwe ndijja, nyiikiranga mu kusoma, n'okubuuliriranga, n'okuyigirizanga.
- 14 Tolekanga kirabo ekiri mu ggwe, kye waweewwa olw'obunnabbi awamu n'okuteekeb-wako emikono gy'abakadde.
- 15 Ebyo obiroweozenga, obeerenga mu ebyo; okuyitirira kwo kulabikenga eri bonna.
- 16 Weekuumenga wekka n'okuyigiriza kwo. Nyiikiriranga mu ebyo; kubanga bw'okola bw'oty, olyerokola wekka era n'abo abakuwulira.

Essuula 5

- 1 Toneyanga mukadde, naye omubuuliriranga nga kitaawo abavubuka ng'ab'oluganda:
- 2 abakazi abakadde nga nnyoko; abato nga bannyoko mu bulongoofu bwonna.
- 3 Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannamwandu ddala.
- 4 Naye nnamwandu yenna bw'aba n'abaana oba bazzukulu basookenga okuyiga okwe-gendereza eri ab'omu nnyumba zaabwe, n'okusasula bakadde baabwe: kubanga ekyo kye kikkirizibwa mu maaso ga Katonda.
- 5 Naye abeera nnamwandu ddala n'alekebwa yekka, asuubira Katonda, n'anyiikiranga okusaba n'okwegayiriranga emisana n'ekiro.
- 6 Naye oyo awoomerwa ebinyumu ng'afudde newakubadde ng'akyali mulamu.
- 7 Era n'ebyo obalagire, balemenga okubaako eky'okunenyezebwa.
- 8 Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba babe n'okusinga ab'omu nnyumba ye nga

yeegaanyi okukkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza.

- 9 Nnamwandu yenna tawandiikibwanga nga tannatuusa myaka nkaaga, eyafumbirwa omusajja omu
- 10 asiimibwa mu bikolwa ebirungi oba nga yaleranga abaana, oba nga yayanirizanga abagenyi, oba nga yanaazanga abatukuvu ebigere, oba nga yabeeranga ababonaabona, oba nga yagobereranga nnyo buli kikolwa ekirungi.
- 11 Naye bannamwandu abakyali abato obagaanenga: kubanga bwe balikabawala eri Kristo, nga baagala okufumbirwa;
- 12 nga bazza omusango kuba basuula okukkiriza kwabwe okw'olubereberye.
- 13 Era ate bayiga okubeeranga abagayaavu, nga batambulatabula okubuna amayumba naye tebagayaala bugayaazi, naye balina olugambo n'akajanja nga boogera ebitasaana.
- 14 Kyenva njagala abakyali abato bafumbirwenga, bazaalenga abaana, bafugenga ennyumba, balemenga okuwa omulabe ebbanga w'ayima okuvuma:
- 15 kubanga waliwo kaakano abaakyuka okugoberera Setaani.
- 16 Omukazi yenna akkiriza bw'abanga ne bannamwandu, abayambenga, era ekkanisa eremenga okuzitowererwa, eryoke eyambenga bannamwandu ddala ddala.
- 17 Abakadde abafuga obulungi basaanyizibwe okuweebwanga ekitiibwa emirundi ebiri, okusinga abafuba mu kigambo n'okuyigiriza.
- 18 Kubanga ekyawandiikibwa kyogera nti Tosibanga mumwa gwa nte ewuula eaano. Era nti Akola emirimu asaanira empeera ye.
- 19 Tokkirizanga kiroope ku mukadde awatali bajulirwa babiri oba basatu.
- 20 Aboonoono obanenyezanga mu maaso g'abantu bonna, era n'abalala balyoke batyenga.
- 21 Nkukuutirira mu maaso ga Katonda, ne Kristo Yesu, ne bamalayika abalonde, weeku-umenga ebyo awatali kusalariza, nga tokola kigambo olw'obuganzi.
- 22 Toyanguyirizanga kussaako mikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abantu abalala: weekuume obeerenga mulongoofu.
- 23 Tonywanga mazzi gokka, naye onywanga ne ku mwenge katono olw'olubuto lwo n'olw'okulwalalwala.
- 24 Waliwo abantu ebibi byabwe biba mu lwatu; nga bibakulembera okugenda mu musango; era n'abalala bibavaako nnyuma.
- 25 Era bwe kityo n'ebikolwa ebirungi biba mu lwatu; ne bwe kitaba bwe kityo tebirirema kwolesebwa.

Essuula 6

- 1 Abali mu bufuge abaddu balowoozenga bakama baabwe bennyini nga basaanidde ekitiibwa kyonna, erinnya lya Katonda n'okuyigiriza kwaffe biremenga okuvumibwa.
- 2 Era abalina bakama baabwe abakkiriza tebabanyoomanga, kubanga ba luganda; naye beeyongere okubaweerezanga, kubanga abassa ekimu mu kukolwa obulungi bakkiriza era baagalwa. Yigirizanga ebyo obibuulirirenga.
- 3 Omuntu yenna bw'ayigirizanga obulala, so nga takkiriza bigambo bya bulamu, bye bya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okuyigiriza okugobereranga okutya Katonda;
- 4 nga yeekulumbaza, nga taliiko ky'ategeera, wabula okukalambiza obukalambiza empaka n'entalo ez'ebigambo, omuva obuggya, okuyomba, okuvuma, okuteerera obubi,
- 5 okukaayana kw'abantu abayonooneka amagezi, abaggibwako amazima, nga balowooza ng'okutya Katonda kwe kufuna amagoba.
- 6 Naye okutya Katonda wamu n'obutayaayaananga ge magoba amangi:

- 7 kubanga tetwaleeta kintu mu nsi, kubanga era tetuyinza kuggyamu kintu;
- 8 naye bwe tuba n'emmere n'ebyokwambala, ebyo binaatumalanga.
- 9 Naye abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego n'okwegomba okungi okw'obusirusiru okwonoona, okunnya abantu mu kubula n'okuzikirira.
- 10 Kubanga okwagala ebintu kye kikolo ky'ebibi byonna: waliwo abantu abayaayaanira ebyo, ne bakyamizibwa okuva mu kukkiriza, ne beefumitira ddala n'ennaku ennyingi.
- 11 Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebyo,ogobererenga obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikiriza, obuwombeefu.
- 12 Lwananga okulwana okulungi okw'okukkiriza, nywezanga obulamu obutaggwaawo, bwe wayitirwa, n'oyatula okwatula okulungi mu maaso g'abajulirwa abangi.
- 13 Nkukuutirira mu maaso ga Katonda, awa byonna obulamu, ne Kristo Yesu eyategeeza okwatula okulungi eri Pontio Piraato;
- 14 weekuumenga ekiragirowa awatali bbala, awatali kya kunenzezebwa, okutuusa ku kula-bika kwa Mukama waffe Yesu Kristo:
- 15 kw'aliraga mu ntuuko zaakwo Nannyini buyinza yekka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami;
- 16 alina obutafa yekka, atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atala-bangako, so siwali ayinza okumulaba: aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina.
- 17 Okuutirenga abagagga ab'omu mirembe gya kaakano obuteegulumizanga, newakubadde okwesiga obugagga obutali bwa lubeerera, wabula Katonda, atuwa byonna olw'obugagga tulyoke twesanyusenga n'ebyo;
- 18 bakolenga obulungi, babeerenga abagagga mu bikolwa ebirungi, babeerenga bagabi, bassenga kimu;
- 19 nga beeterekera eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu ddala ddala.
- 20 Ai Timoseewo, kuumanga kye wateresebwa, nga weewala ebigambo ebitaliimu ebitali bya Katonda n'okulwana kw'ebigambo eby'okutegeera, okuyitibwa bwe kutyo mu bulimba;
- 21 waliwo abantu abeegomba okuba nakwo, ne bakyama mu kukkiriza. Ekisa kibeerenga nammwe.

2 Timoseewo

Essuula 1

- 1 Pawulo, omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda, ng'okusuubiza bwe kuli okw'obulamu obuli mu Kristo Yesu,
- 2 eri Timoseewo, omwana wange omwagalwa: ekisa, okusaasira, emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe bituuke gy'oli.
- 3 Nneebaza Katonda gwe mpeereza okuva ku bajjajjange mu mwoyo omulungi, bwe nkujjukira obutayosa mu kusaba kwange emisana n'ekiro
- 4 nga nkulumirwa okukulaba, bwe njjukira amaziga go, ndyoke njijule essanyu;
- 5 bwe nnajjukizibwa okukkiriza okutali kwa bukuusa okuli mu ggwe; okwabeeranga olubereberye mu jjajjaawo Looyi ne mu nnyoko Ewuniike, era ntegeeredde ddala nga kuli ne mu ggwe.
- 6 Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe olw'okuteekeb-wako emikono gyange.
- 7 Kubanga Katonda teyatuwa ffe omwoyo ogw'okutya, wabula ogw'amaanyi era ogw'okwagala era ogw'okwegenderezanga.
- 8 Kale, tokwatirwanga nsonyi kutegeeza kwa Mukama waffe, newakubadde nze omusibe we: naye obonyaabonyezebwanga wamu n'enjiri ng'amaanyi ga Katonda bwe gali;
- 9 eyatulokola n'atuyita okuyita okutukuvu, si ng'ebikolwa byaffe bwe biri, wabula okumalirira kwe ye n'ekisa bwe biri, kye twaweerwa mu Kristo Yesu emirembe n'emirembe nga teginnabaawo,
- 10 naye kirabisibwa kaakano olw'okwolesebwa kw'Omulokozi waffe Kristo Yesu, eyag-gyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri,
- 11 gye nateekerwawo omubuulizi era omutume era omuyigiriza.
- 12 Era kyenva mbonaabona bwe ntyo: naye sikwatibwa nsonyi; kubanga mmanyi gwe nnakkiriza, ne ntegeerera ddala ng'ayinza okukuumanga kye nnamuteresa okutuusa ku lunaku luli.
- 13 Nywezanga ekyokulabirako eky'ebigambo eby'obulamu bye wawuliranga gye ndi, mu kukkiriza ne mu kwagala okuli mu Kristo Yesu.
- 14 Ekintu ekirungi kye wateresebwa okikumenga n'Omwoyo Omutukuvu, abeera mufte.
- 15 Kino okimanyi nga bonna abali mu Asiya bankuba amabega; ku abo ye Fugero ne Kerumogene.
- 16 Mukama waffe asaasire ennyumba ya Onesifolo: kubanga yampummuzanga emirundi mingi, so teyakwatirwa nsonyi lujegere lwange,
- 17 naye bwe yali mu Ruumi n'anyiikira okunnoonya n'okulaba n'andaba
- 18 (Mukama waffe amuwe okulaba okusaasirwa eri Mukama waffe ku lunaku luli); era n'okuweereza kwonna kwe yaweerezanga mu Efeso, ggwe okutegeera bulungi nnyo.

Essuula 2

- 1 Kale ggwe, mwana wange, beeranga wa maanyi mu kisa ekiri mu Kristo Yesu.
- 2 Era bye wawuliranga gye ndi mu bajulirwa abangi, ebyo biteresenga abantu abeesigwa, era abalisaanira okuyigiriza n'abalala.
- 3 Bonaboneranga wamu nange ng'omulwanyani omulungi owa Kristo Yesu.
- 4 Siwali mulwanyani bw'atabaala eyeeyingiza mu mitawaana egy'obulamu buno, alyoke asiimibwe eyamuwandiika okuba omulwanyani.

- 5 Naye era omuntu bw'awakana, taweebwa ngule bw'atawakana nga bwe kiragirwa.
- 6 Omulimi akola emirimu kimugwanira okusooka okutwala ku bibala.
- 7 Lowooza kye njogedde; kubanga Mukama waffe anaakuwanga okutegeera mu bigambo byonna.
- 8 Jjukira Yesu Kristo, nga yazuukira mu bafu, ow'omu zzadde lya Dawudi, ng'enjiri yange bw'eyogera:
- 9 gye mbonaboneramu okutuusa ku kusibibwa, ng'akola obubi; naye ekigambo kya Katonda tekisibibwa.
- 10 Kyenya ngumiikiriza byonna olw'abalonde, era nabo balyoke bafune obulokovu obuli mu Kristo Yesu, wamu n'ekitiibwa ekitaggwaawo.
- 11 Ekigambo kino kyesigwa nti Kuba oba nga twafa naye, era tulibeera balamu naye
- 12 oba nga tugumiikiriza, era tulifuga naye: oba nga tulimwegaana era naye alitwegaana ffe:
- 13 oba nga tetukkiriza, ye abeera mwesigwa kubanga tayinza kwerimba.
- 14 Ebyo obibajjukizanga, ng'obakuutirira mu maaso ga Mukama waffe, obutalwananga na bigambo ebitagasa, ebikyanya abawulira.
- 15 Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati ekigambo eky'amazima.
- 16 Naye ebigambo ebitaliimu ebitali bya ddiini obyewalanga: kubanga baliyitirira mu butatya Katonda,
- 17 n'ekigambo kyabwe kirirya nga kookolo: ku abo ye Kumenayo ne Fireeto;
- 18 kubanga baakyama mu mazima, nga boogera ng'okuzuukira kwamala okubeerawo, era waliwo abantu be baavuunikirira okukkiriza kwabwe.
- 19 Naye omusingi gwa Katonda omugumu gubeerawo, nga gulina akabonero kano nti Mukama waffe amanyi ababe: era nti Yeewalanga obutali butuukirivu buli ayatula erinnya lya Mukama waffe.
- 20 Naye mu nnyumba ennene temubaamu bintu bya zaabu na bya ffeeza byokka, naye era n'eby'emiti n'eby'ebbumba; n'ebirala eby'ekitiibwa, n'ebirala ebitali bya kitiibwa
- 21 Kale omuntu bwe yeerongoosaako ebyo, anaabeeranga ekintu eky'ekitiibwa, eky-atukuzibwa, ekisaanira omwami okuweerezanga ekyalongoserezebwa buli mulimu omulungi.
- 22 Naye okwegomba okw'omu buvubuka okwewalanga naye ogobereranga obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, emirembe awamu n'abo abamusaba Mukama waffe mu mwoyo omulongoofu.
- 23 Naye empaka ez'obusirusiru era ez'obutayigirizibwa ozirekanga, ng'omanyi nga zizaala okulwana.
- 24 Naye omuddu wa Mukama waffe tekimugwanira kulwananga, wabula okubeeranga omukkakkamu eri bonna, omuyigiriza, omugumiikiriza,
- 25 abuulirira n'obuwombeefu abawakanyi, mpozzi oba nga Katonda alibawa okwenenya olw'okutegeerera ddala amazima,
- 26 era balitamiirukuka okuva mu mutego gwa Setaani, oyo ng'amaze okubakwasa okukolanga okwagala kw'oli.

Essuula 3

- 1 Naye tegeera kino nga mu nnaku ez'oluvannyuma ebiro eby'okulaba ennaku birijja.
- 2 Kubanga abantu baliba nga beeyagala bokka, abaagala ebintu, abeenyumiriza, ab'amalala, abavumi, abatagondera bazadde baabwe, abateebaza, abatali batukuvu,
- 3 abatayagala ba luganda, abatatabagana, abawaayiriza, abateegendereza, abakambwe, abatayagala bulungi,

- 4 ab'enkwe, abakakanyavu, abeegulumiza, abaagala essanyu okusinga Katonda;
- 5 nga balina ekifaananyi ky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo: era nabo obakubanga amabega.
- 6 Kubanga ku abo be bantu abasensera mu nnyumba ne banyaga abakazi abasirusiru abazitoowererwa ebibi ebingi, abafugibwa okwegomba okutali kumu,
- 7 abayiga bulijjo, ne batayinza ennaku zonna kutuuka ku kutegeerera ddala mazima.
- 8 Era nga Yane ne Yambere bwe baaziya Musa, ne bano bwe batyo baziya amazima; bayonooneka amagezi gaabwe, abatasiimibwa mu kukkiriza.
- 9 Naye tebalyeyongerako kuyitirira: kubanga obusirusiru bwabwe bulitegeerera ddala abantu bonna, era ng'obwa bali bwe bwali.
- 10 Naye gwe wagoberera nnyo okuyigiriza kwange, empisa zange, okuteesa kwange, okukkiriza kwange, okugumiikiriza kwange, okwagala kwange, okulindirira kwange,
- 11 okuyigganyizibwa kwange, okubonaabona kwange; ebyambeerako mu Antiyokiya, mu Ikoniyo, mu Lusitula; okuyigganyizibwa kwe nnayigganyizibwanga bwe kwali: era Mukama waffe yandokola mu byonna.
- 12 Naye era bonna abaagala mu Kristo Yesu okukwatanga empisa ez'okutya Katonda banaayigganyizibwanga.
- 13 Naye abantu ababi n'abeetulinkirira balyeyongerera okuyitiriranga mu bubu, nga balimba era nga balimbibwa.
- 14 Naye ggwe beeranga mu ebyo bye wayiga n'otegeerera ddala, ng'omanyi abakuyigiriza bwe bali;
- 15 era ng'okuva mu buto wamanyanga ebyawandiikibwa ebitukuvu ebiyinda okukugeziwaza okuyingira mu bulokovu olw'okukkiriza okuli mu Kristo Yesu.
- 16 Buli ekyawandiikibwa kirina okuluamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu;
- 17 omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi.

Essuula 4

- 1 Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, alisalira omusango abalamu n'abafu, era n'olw'okulabika kwe n'obwakabaka bwe;
- 2 buuliranga ekigambo; kubiririzanga mu bbanga erisaaniramu n'eritasaaniramu; weranga, nenyanga, buuliranga n'okugumiikiriza kwonna n'okuyigiriza.
- 3 Kubanga ebiro birijja lwe batalikkiriza kuwulira kuyigiriza kwa bulamu; naye, amatu nga gabasiwa, balikuaanya abayigiriza ng'okwegomba kwabwe bo bwe kuli;
- 4 baliziba amatu okulekanga amazima, balikyama okugobereranga enfumo obufumo.
- 5 Naye ggwe tamiirukukanga mu byonna, bonaabonanga, kolanga omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, tuukirizanga okuweereza kwo.
- 6 Kubanga nze kaakano nfukibwa, n'ebiro eby'okuteebwa kwange bituuse.
- 7 Nnwanye okulwana okulungi, olugendo ndutuusizza, okukkiriza nkukuumye;
- 8 ekisigaddeyo, enterekeddwa engule ey'obutuukirivu Mukama waffe gy'alimpeera ku lunaku luli, asala emisango egy'ensonga: so si nze nzekka naye era ne bonna abaagala okulabika kwe.
- 9 Fuba okujja gye ndi mangu:
- 10 kubanga Dema yandekawo, ng'ayagala emirembe egya kaakano, n'agenda e Ssessaloniika; Kulesuke e Ggalatiya, Tito e Dalumatiya.
- 11 Lukka ye ali awamu nange yekka. Twala Makko, omuleete wamu naawe; kubanga angasa olw'okuweereza.
- 12 Naye Tukiko nnamutuma mu Efeso.

- 13** Ekyambalo kye nnaleka mu Tulowa ewa Kappo, bw'oliba ng'ojja, kireete, n'ebitabo, naye, okusinga, biri eby'amaliba.
- 14** Alegezanda omuweesi w'ebikomo yankola obubi bungi: Mukama waffe alimusasula ng'ebikolwa bye bwe byali:
- 15** oyo naawe omwekumanga; kubanga yaziyiza nnyo ebigambo byaffe.
- 16** Mu kuwoza kwange okw'olubereberye siwali eyannyamba, naye bonna banjabulira: nsaba baleme okukibalirwa.
- 17** Naye Mukama waffe yayimirira kumpi nange, n'ampa amaanyi; nze ndyoke ntuukirize kye mbuulira, era ab'amawanga bonna balyoke bawulire: ne ndokoka mu kamwa k'empologoma.
- 18** Mukama waffe anandokolanga mu buli kikulwa ekibi, era anankuumanga okutuusa ku bwakabaka bwe obw'omu ggulu: aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
- 19** Lamusa Pulisika ne Akula, n'ennyumba ya Onesifolo.
- 20** Erasuto yabeera mu Kkolinso: naye Tulofimo nnamuleka mu Mireeto ng'alwadde.
- 21** Fuba okujja ebiro by'empewo nga tebinnatuuka. Ewubulo akulamusizza, ne Pudente, ne Lino, ne Kulawudiya, n'ab'oluganda bonna.
- 22** Mukama waffe abeerenga n'omwoyo gwo. Ekisa kibeerenga nammwe.

Tito

Essuula 1

- 1 Pawulo, omuddu wa Katonda, era omutume wa Yesu Kristo, ng'okukkiriza kw'abalonde ba Katonda bwe kuli n'okutegeera amazima agali mu kutya Katonda,
- 2 mu kusuubira obulamu obutaggwaawo, Katonda atayinza kulimba bwe yasuubiza ebiro eby'emirembe n'emirembe nga tebinnabaawo;
- 3 naye mu ntuuko ze yalabisa ekigambo kye mu kubuulira kwe nnateresebwa nze ng'ekiragiyo kya Katonda Omulokozi waffe bwe kiri;
- 4 eri Tito, omwana wange ggeregere ng'okukkiriza kwaffe fenna bwe kuli: ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Omulokozi waffe bibeerenga gy'oli.
- 5 Kyenava nkuleka mu Kuleete, olyoke olongoosenga ebyasigalira, era oteekenga abakadde mu buli kibuga nga nze bwe nnakulagira;
- 6 omuntu bw'atabangako musango, ng'alina omukazi omu, ng'alina abaana abakkiriza, abataloopedwa nga balalulalu, so si abatagonda.
- 7 Kubanga omulabirizi kimugwanira obutabangako musango, ng'omuwanika wa Katonda; si mukakanyavu, si wa busungu, si ayombera ku mwenge, si akuba, si eyeegomba amagoba mu bukuusa;
- 8 naye ayaniriza abagenyi, ayagala obulungi, eyeegendereza, mutuukirivu, mutukuvu, eyeekuuma;
- 9 anyweza ekigambo ekyesigwa ekiri ng'okuyigiriza kwaffe bwe kuli, alyoke ayinzenga okubuulirira mu kuyigiriza okw'obulamu, era n'okusinga abayomba naye.
- 10 Kubanga eriyo bangi abatagonda, aboogera ebitaliimu, abalimba, era okusinga ba mu bakomole,
- 11 abagwanira okuzibibwanga emimwa; kubanga abo be bavuunika ennyumba ennamba nga bayigiriza ebitabagwanidde, olw'amagoba ag'obukuusa:
- 12 Omu ku bo, nnabbi waabwe bo, yagamba nti Abakuleete balimba ennaku zonna, ensolo embi, embuto engayaavu.
- 13 Okutegeeza okwo kwa mazima. Kyova obaboggoleranga n'obukambwe, balyoke babeere n'obulamu olw'okukkiriza
- 14 balemenga okuwulira enfumo ez'obulimba ez'Ekiyudaaya n'ebiragiyo by'abantu abakyuka okuleka amazima.
- 15 Eri abalongoofu byonna birongoofu: naye abasiigibwa obugwagwa n'abatakkiriza eri abo tewali kirongoofu; naye amagezi gaabwe era n'omwoyo byasiigibwa obugwagwa.
- 16 Baatula nga bamanyi Katonda; naye mu bikolwa byabwe bamwegaana, kubanga bagwagwa era abatawulira era abatasiimibwa mu buli kikolwa kyonna ekirungi.

Essuula 2

- 1 Naye ggwe yogeranga ebisaanira okuyigiriza okw'obulamu:
- 2 abasajja abakadde balemenga kuba batamiivu, nga balimu ekitiibwa, nga beegendereza nga balina obulamu olw'okukkiriza, olw'okwagala, olw'okugumiikiriza:
- 3 n'abakazi abakadde bwe batyo mu kifaananyi kyabwe nga beewombeeka, si abawaayiriza, so si abafugibwa omwenge omungi, abayigiriza ebirungi;
- 4 balyoke beegenderezesenga abakazi abato okwagalanga babbaabwe, okwagalanga abaana baabwe,
- 5 okwegenderazanga, okuba n'obulongoofu, okukolanga emirimu mu nnyumba zaabwe, okuba n'ekisa, okugonderanga babbaabwe, ekigambo kya Katonda kiremenga

okuvumibwa:

- 6 n'abavubuka bwe batyo obabuuliriranga okwegendereza:
- 7 mu bigambo byonna nga weeraganga ng'ekyokulabirako eky'ebikolwa ebirungi; mu kuyigiriza kwo ng'olaganga obugolokofu, okubaamu ekitiibwa,
- 8 ebigambo eby'obulamu ebitanenzeze; oyo atali ku lulwo alyoke akwatibwenga ensonyi, nga talina kibi kya kutwogerako.
- 9 Buuliriranga abaddu okugonderanga bakama baabwe, okusiimibwanga mu byonna, obutayombanga;
- 10 obutabbanga, naye okulaganga obwesigwa obulungi bwonna; balyoke bayonjenga okuyigiriza kw'Omulokozi waffe Katonda mu byonna.
- 11 Kubanga ekisa kya Katonda kirabise, nga kireetera abantu bonna obulokozi,
- 12 nga kitubuulirira okugaananga obutatya Katonda n'okwegomba okw'omu nsi, tulyoke tubeerenga abalamu mu mirembe egya kaakano mu kwegendereza n'obutuukirivu n'okutya Katonda,
- 13 nga tulindirira essubi ery'omukisa n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era Omulokozi waffe Yesu Kristo;
- 14 eyeewaayo ku lwaffe, alyoke atununule mu bujeemu bwonna, era yeerongooseze eggwanga ery'envuma, erinyiikirira ebikolwa ebirungi.
- 15 Yogeranga ebyo, obibuulirirenga, onenyenga n'obuyinza bwonna, Omuntu yenna takunyoomanga.

Essuula 3

- 1 Obajjukizenga okugonderanga abafuga n'abalina obuyinza, okuwuliranga, okweteek-erateekeranga buli kikolwa kyonna ekirungi,
- 2 obutavumanga muntu yenna, obutalwananga, okwewombeekanga, nga balaga obukkakkamu bwonna eri abantu bonna.
- 3 Kubanga era naffe edda twali basirusiru, abatawulira, abalimbibwa, nga tuweereza okwegomba n'ebinyumu ebitali bimu, nga tubeera mu ttima n'obuggya, abeekyayisa, era nga tukyawagana.
- 4 Naye obulungi bw'Omulokozi waffe Katonda n'okwagala kwe eri abantu bwe byal-abika,
- 5 n'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe, olw'okunaazibwa okw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya Omwoyo Omutukuvu,
- 6 gwe yatufukako olw'obugagga, ku bwa Yesu Kristo Omulokozi waffe;
- 7 nga tumaze okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mu kusuubira obulamu obutaggwaawo.
- 8 Ekigambo kino kyesigwa, ne ku bino njagala ggwe okukakasizanga ddala, abakkiriza Katonda bajjukirenga okussaako omwoyo ku bikolwa ebirungi. Ebyo birungi, era bigasa abantu:
- 9 naye empaka ez'obusiru n'ebitabo ebirimu endyo z'okuzaalibwa n'ennyombo n'okuwakanira amateeka obyewalenga; kubanga tebiriiko kye bigasa so tebiriimu.
- 10 Omuntu omukyamu, bw'omalanga okumubuulirira omulundi ogw'olubereberye n'ogw'okubiri, omugaananga,
- 11 ng'omanya ng'ali ng'oyo akyamizibwa, era ayonoona, nga yeesalira yekka omusango.
- 12 Bwe ntumanga Atema gy'oli oba Tukiko, fuba okujja gye ndi mu Nikopoli: kubanga nteesezza okumalira eyo ebiro eby'empewo.
- 13 Fuba okubasibirira Zeena ow'amateeka ne Apolo, baleme okubulwa ekintu.
- 14 Era abaffe bayige okussangako omwoyo ku bikolwa ebirungi mu bigambo

ebyetaagibwa, balemenga obutabala.

- 15** Abali nange bonna bakulamusizza. Olamuse abatwagala mu kukkiriza. Ekisa kibeerenga nammwe mwenna.

Firemooni

Essuula 1

- 1 Pawulo, omusibe wa Kristo Yesu ne Timoseewo ow'oluganda, eri Firemooni omwagalwa era mukozzi munnaffe,
- 2 ne Apofiya ow'oluganda ne Alukipo mulwanyi munnaffe, n'ekkanisa eri mu nnyumba yo:
- 3 ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga gye muli.
- 4 Nneebaza Katonda wange ennaku zonna, nga nkwoogerako mu kusaba kwange,
- 5 bwe nnawulira okwagala kwo n'okukkiriza kw'olina eri Mukama waffe Yesu n'eri abatukuvu bonna;
- 6 okussa ekimu okw'okukkiriza kwo kulyoke kukolenga omulimu, mu kutegeerera ddala buli kigambo ekirungi ekiri mu mmwe, olwa Kristo.
- 7 Kubanga nnajaguza nnyo ne nsanyuka olw'okwagala kwo, kubanga emyoyo gy'abatukuvu wagiwummuza, ow'oluganda.
- 8 Kale, newakubadde nga nnina obuvumu bwonna mu Kristo okukulagira ekisaana,
- 9 naye olw'okwagala nkwegayirira bwegayirizi, kuba nfaanana nga bwe ndi, Pawulo omukadde, era kaakano omusibe wa Kristo Yesu:
- 10 nkwegayirira olw'omwana wange, gwe nnazaalira mu busibe bwange, Onnessimo,
- 11 atakugasanga edda, naye kaakano atugasa ggwe nange:
- 12 gwe nkomyawo gy'oli yennyini, ye gwe mwoyo gwange:
- 13 nze gwe mbadde njagala okubeera naye gye ndi, alyoke ampeerezenga mu kifo kyo mu busibe bw'enjiri:
- 14 naye ssaayagala kukola kigambo nga toteesezza, obulungi bwo buleme okubeera mu kuwalirizibwa, wabula mu kwagala.
- 15 Kubanga mpozzi kyeyava ayawukana naawe ekiseera, olyoke obeerenga naye emirembe n'emirembe;
- 16 nga takyali muddu nate, naye okusinga omuddu, ow'oluganda omwagalwa, okusinga ennyo gye ndi, naye okusingira ddala eri ggwe mu mubiri era ne mu Mukama waffe.
- 17 Kale oba ng'ondowooza nze okubeera munno, musembeze oyo nga nze.
- 18 Naye oba nga yakwonoona oba abanjibwa, mbalira nze ekyo;
- 19 nze Pawulo mpandiise n'omukono gwange, nze ndisasula: nneme okukugamba nga nkubanja era naawe wekka nate.
- 20 Kale, ow'oluganda, onsanyuse mu Mukama waffe: owummuze omwoyo gwange mu Kristo.
- 21 Nkuwandiikidde nga nneesiga obugonvu bwo, nga mmanyi ng'olikola era okusinga bye njogera.
- 22 Naye era nate onnongoosereze aw'okusula: kubanga nsuubira olw'okusaba kwammwe muliweebwa okundaba.
- 23 Epafula musibe munnange mu Kristo Yesu, akulamuzizza;
- 24 ne Makko, Alisutaluuko, Dema, Lukka, bakozi bannange.
- 25 Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga n'omwoyo gwammwe. Amiina.

Abaebbulaniya

Essuula 1

- 1 Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajjaj-jaffe mu bannabbi,
- 2 mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna;
- 3 oyo bw'ali okumasamasa kw'ekitiibwa kye n'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era bw'asitula ebintu byonna n'ekigambo eky'obuyinza bwe, bwe yamala okukola eky'okunaaza ebibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogw'Obukulu waggulu;
- 4 ng'asinga obulungi bamalayika bw'ati nga bwe yasikira erinnya eribakira bo.
- 5 Kubanga ani ku bamalayika gwe yali abuuliddeko nti Ggwe oli Mwana wange, Leero nkuzadde ggwe? era nate nti Nze nnaabeeranga Kitaawe gy'ali, Naye anaabeeranga Mwana gye ndi?
- 6 Era nate bw'aleeta omubereberye mu nsi, ayogera nti Era bamalayika ba Katonda bonna bamusinzenga.
- 7 Era ayogera ku bamalayika nti Afuula bamalayika be empewo, N'abaweerera be ennimi z'omuliro:
- 8 naye ku Mwana ayogera nti Entebe yo, ai Katonda, ya lubeerera emirembe n'emirembe; N'omuggo ogw'obugolokofu gwe muggo ogw'obwakabaka bwo.
- 9 Wayagala obutuukirivu, n'okyawa obujeemu; Katonda, Katonda wo, kyavudde akufukako Amafuta ag'okusanyuka okusinga banno.
- 10 Era nti Ggwe, Mukama, ku lubereberye wassaawo emisingi gy'ensi, N'eggulu mulimu gwa mikono gyo:
- 11 Ebyo biriggwaawo; naye ggwe oli wa lubeerera: N'ebyo byonna birikaddiwa ng'ekyambalo;
- 12 Era olibizinga ng'essuuka, Ng'ekyambalo, ne biwaanyisibwa: Naye ggwe oba bumu, N'emyaka gyo tegiriggwaawo.
- 13 Naye ku malayika ki gwe yali ayogeddeko nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y'ebigere byo?
- 14 Bonna si gy'emyoyo egiweereza, nga gitumibwa okuweereza olw'abo abagenda okusikira obulokozi?

Essuula 2

- 1 Kyekivudde kitugwanira okusinga ennyo okulowooleza ddala ebyawulirwa, kabekasinge tuwaba ne tubivaako.
- 2 Kuba oba ng'ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyanywera, na buli kyonoono n'obutawulira byaweewwanga empeera ey'ensonga;
- 3 ffe tuliwona tutya bwe tulireka obulokozi obukulu obwenkana awo? obwo obwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bututegeerezebwa ddala abaabuwulira;
- 4 era Katonda ng'ategeereza wamu nabo mu bubonero ne mu by'amagero era ne mu by'amaanyi ebitali bimu era ne mu birabo eby'Omwoyo Omutukuvu, nga bwe yaya-galanga Yekka.
- 5 Kubanga bamalayika si be yafuza ensi egenda okubaawo, gye twogerako.
- 6 Naye waliwo ekifo omu we yategeereza, ng'ayogera nti Omuntu kiki, ggwe okumu-jjukira? Oba omwana w'omuntu, ggwe okumujjira?
- 7 Wamukola okubulako akatono okuba nga bamalayika; Wamussaako engule ey'ekiti-ibwa n'ettendo, N'omufuza emirimu egy'emikono gyo:

- 8 Wateeka ebintu byonna wansi w'ebigere bye. Kubanga mu kuteeka ebintu byonna wansi we teyaggyako kintu obutakiteeka wansi we. Naye kaakano tetunnalaba bintu byonna nga biteekeddwa wansi we.
- 9 Naye tutunuulira oyo eyakolebwa okubulako akatono okuba nga bamalayika, ye Yesu, olw'okubonaabona okw'okufa ng'assibwako engule ey'ekitiibwa n'ettendo, olw'ekisa kya Katonda alyoke alege ku kufa ku lwa buli muntu.
- 10 Kubanga kyamusaanira oyo ebintu byonna bwe biri ku bubwe era eyabikozesa byonna, ng'aleeta abaana abangi mu kitiibwa, okutuukiriza omukulu w'obulokozi bwabwe olw'ebibonoobono.
- 11 Kubanga oyo atukuza era n'abo abatukuzibwa b'omu bonna: kyava alema okukwati-bwa ensonyi okubayitanga ab'oluganda,
- 12 ng'ayogera nti Ndibuulira baganda bange erinnya lyo, Ndikuyimba wakati mu kkuaanero.
- 13 Era nate nti Nze nnaamwesiganga oyo. Era nate nti Laba nze n'abaana Katonda be yampa.
- 14 Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini bw'atyo yagatta ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setaani;
- 15 era alyoke abawe eddembe abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna olw'entiisa y'okufa.
- 16 Kubanga mazima bamalayika si b'ayamba, naye ayamba zzadde lya Ibulayimu.
- 17 Kyekyava kimugwanira mu byonna okufaananyizibwa baganda be, alyoke abeerenga kabona asinga obukulu ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda, olw'okutangirira ebibi by'abantu.
- 18 Kubanga olw'okubonyaabonyezebwa ye yennyini ng'akemebwa, kyava ayinza okubayamba abo abakemebwa.

Essuula 3

- 1 Kale, ab'oluganda abatukuvu, abalina omugabo mu kuyitibwa okw'omu ggulu, mulowooze Omutume era Kabona Asinga Obukulu ow'eddiini gwe twatula, Yesu;
- 2 eyali omwesigwa eri oyo eyamulonda, era nga Musa bwe yali omwesigwa mu nnyumba ye yonna.
- 3 Kubanga oyo asaanyizibwa ekitiibwa ekingi okusinga Musa, ng'azimba ennyumba bw'abeera n'ettendo eringi okusinga ennyumba.
- 4 Kubanga buli nnyumba wabaawo agizimba; naye eyazimba byonna ye Katonda.
- 5 Ne Musa yali mwesigwa ye mu nnyumba ye yonna ng'omuddu, olw'okutegeeza ebyali bigenda okwogerwa;
- 6 naye Kristo yali mwesigwa ye ng'omwana ku nnyumba ye; naffe tuli nnyumba y'oyo, oba nga tunaakwatiranga ddala obuvumu bwaffe n'okwenyumiriza okw'okusuubira kwaffe nga binywedde okutuusa enkomerero.
- 7 Kale, nga Omwoyo Omutukuvu bw'ayogera nti Leero bwe munaawulira eddoboosi lye,
- 8 Temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa, Nga ku lunaku olw'okukemerwa mu ddungu,
- 9 Bajjajjammwe kwe bankema, nga bangeza, Ne balaba ebikolwa byange emyaka amakumi ana.
- 10 Kyenava nnyigira emirembe egyo, Ne njogera nti Bakyama bulijjo mu mutima gwabwe: Naye abo tebaategeera makubo gange;
- 11 Nga bwe nnalayira mu busungu bwange, Nti Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.
- 12 Mwekuume, ab'oluganda, omutima omubi ogw'obutakkiriza gulemenga okuba mu

muntu yenna ku mmwe, olw'okuva ku Katonda omulamu:

- 13 naye mubuuliraganenga bulijjo bulijjo, okutuusa ekiseera nga kikyaliwo ekiyitibwa ekya leero; omuntu yenna ku mmwe alemenga okukakanyazibwa n'obulimba bw'ekibi:
- 14 kubanga twafuuka abassa ekimu mu Kristo, oba nga tunaakwatiranga ddala okusuu-bira kwaffe okusoose nga kunywedde okutuusa enkomerero:
- 15 nga bwe kikyayogerwa nti Leero bwe munaawulira eddoozi lye, Temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa.
- 16 Kubanga baani bwe baawulira abaamusunguwa? si abo bonna abaava mu Misiri ne Musa?
- 17 Era baani be yanyiiranga emyaka amakumi ana? si abo abaayonoona, n'emirambo gyabwe ne gigwa mu ddungu?
- 18 Era baani be yalayirira obutayingira mu kiwummulo kye, wabula obo abataagonda?
- 19 Era tulaba nga tebaayinza kuyingira olw'obutakkiriza.

Essuula 4

- 1 Kale tutyenga nti okusuubiza okw'okuyingira mu kiwummulo nga bwe kukyatuleked-dwa, omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takutuuseeko.
- 2 Kubanga naffe twabuulirwa enjiri, era nga bo: naye ekigambo eky'okuwulira tekyaba-gasa bo, kubanga tebaagattibwa mu kukkiriza wamu n'abo abaawulira.
- 3 Kubanga ffe abaamala okukkiriza tuyingira mu kiwummulo ekyo; nga bwe yayogera nti Nga bwe nnalayirira mu busungu bwange, Nti Tebaliyingira mu kiwummulo kyange: newakubadde ng'emirimu gyaggwa okuva mu kutondebwa kw'ensi.
- 4 Kubanga waliwo w'ayogerera ku lunaku olw'omusanvu bw'ati, nti Katonda n'awum-mulira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gyonna;
- 5 era nate ne mu kino nti Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.
- 6 Kale kubanga kisigaddeyo abalala okukiyingiramu, n'abo abaasooka okubuulirwa, enjiri ne batayingira olw'obutagonda,
- 7 nate ayawula olunaku gundi, ng'ayogerera mu Dawudi oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti, nti Leero, nga bwe kyogeddwa olubereberye, Leero bwe munaawulira eddo-boozi lye, Temukakanyaza mitima gyammwe.
- 8 Kuba singa Yoswa yabawummuza, teyandyogedde ku lunaku lulala oluvannyuma lw'ebyo.
- 9 Kale wasigaddeyo ekiwummulo kya ssabbiiti eri abantu ba Katonda.
- 10 Kubanga ayingidde mu kiwummulo kye, era naye ng'awummudde mu mirimu gye, nga Katonda bwe yawummula mu gige.
- 11 Kale tufubenga okuyingira mu kiwummulo ekyo, omuntu yenna aleme okugwa mu ngeri eyo ey'obutagonda.
- 12 Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiiti-riza okw'omu mutima.
- 13 So siwali kitonde ekitalabika mu maaso ge: naye ebintu byonna byeruliddwa era bibikkuliddwa mu maaso g'oyo gwe tuleetera ebigambo byaffe.
- 14 Kale bwe tulina kabona asinga obukulu omunene, eyayita mu ggulu, Yesu Omwana wa Katonda, tunywezena okwatula kwaffe.
- 15 Kubanga tetulina kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe; naye eyakemebwa mu byonna bumu nga ffe, so nga ye talina kibi.
- 16 Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa,

era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga.

Essuula 5

- 1 Kubanga buli kabona asinga obukulu, bw'aggibwa mu bantu, ateekebwawo ku bwa bantu mu bigambo ebiri eri Katonda alyoke awengayo ebirabo era ne ssaddaaka olw'ebibi:
- 2 ayinza okukwata empola abatamanyi n'abakyamyeye, kubanga era naye yennyini yee-tooloddwa obunafu;
- 3 era olw'obwo kimugwanira nga ku lw'abantu, era bwe kityo ku lulwe yennyini, okuwangayo olw'ebibi.
- 4 So omuntu yenna teyeetwalira yekka kitiibwa ekyo, wabula ng'ayitiddwa Katonda, era nga Alooni.
- 5 Era bw'atyo Kristo teyeegulumiza yekka okufuuka kabona asinga obukulu, wabula oyo eyamugamba nti Ggwe oli Mwana wange, Leero nkuzadde ggwe:
- 6 era nga bw'ayogera awalala nti Ggwe oli kabona emirembe gyonna ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.
- 7 Oyo mu nnaku ze yabeereramu mu mubiri gwe, bwe yawaayo okwegayirira n'okusaba eri oyo eyayinza okumulokola mu kufa n'okukaaba ennyo n'amaziga, era bwe yawulirwa olw'okutya kwe Katonda,
- 8 newakubadde nga Mwana, naye yayiga okugonda olw'ebyo bye yabonaabona:
- 9 awo bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka ensonga y'obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abamuwulira;
- 10 Katonda gwe yayita kabona asinga obukulu ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.
- 11 Gwe tulinako ebigambo ebingi okwogera era ebizibu okutegeeza, kubanga mufuuse baggavu b'amatu.
- 12 Kubanga bwe kibagwanira okubeeranga abayigiriza olw'ebiro ebyayita, mwetaaga nate omuntu okubayigiriza ebisookerwako eby'olubereberye eby'ebigambo bya Katonda; era mufuuse abeetaaga amata, so si mmere nkalubo.
- 13 Kubanga buli anywa amata nga tannamanya kigambo kya butuukirivu; kubanga mwana muto.
- 14 Naye emmere enkalubo ya bakulu, abalina amagezi agayigirizibwa olw'okugakoza okwa wulanga obulungi n'obubi.

Essuula 6

- 1 Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka mu bukulu; obutateekawo mulundi gwa kubiri musingi, kwe kwenenya ebikolwa ebifu, n'okukkiriza eri Katonda,
- 2 okuyigiriza okw'okubatiza, n'okuteekako emikono, n'okuzuukira kw'abafu, n'omusango ogutaggwaawo.
- 3 Era bwe tunaakola bwe tutyo Katonda bw'anaayagala.
- 4 Kubanga abo abamala okwakirwa, ne balega ku kirabo eky'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,
- 5 ne balega ku kigambo ekirungi ekya Katonda ne ku maanyi ag'emirembe egigenda okujja,
- 6 ne bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo okubazza obuggya olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda, ne bamukwasa ensanyi mu lwatu.
- 7 Kubanga ensi enywa enkuba egitonnyako emirundi emingi, n'ebala enva ezibasaanira

abo b'erimirwa, efuna omugabo gw'omukisa eri Katonda:

- 8 naye bw'ebala amaggwa ne ssere, tesimibwa era eri kumpi n'okukolimirwa; enkomerero yaayo kwokebwa.
- 9 Naye, abaagalwa, twetegerezza ku mmwe ebigambo ebisinga ebyo obulungi era ebiri okumpi n'obulokozi, newakubadde nga twogedde bwe tutyo:
- 10 kubanga Katonda mutuukirivu tayinza kwerabira mulimu gwammwe n'okwagala kwe mwalaga eri erinnya lye, bwe mwaweereza abatukuvu, era mukyaweereza.
- 11 Era twagala nnyo buli muntu ku mmwe okulaganga obunyiikivu obwo olw'okwete-gereza ddala essuubi eryo okutuusa ku nkomerero:
- 12 mulemenga okubeera abagayaavu, naye abagoberera abo olw'okukkiriza n'okugumi-ikiriza abasikira ebyasuubizibwa.
- 13 Kubanga, Katonda bwe yasuubiza Ibulayimu, bwe watali gw'ayinza kulayira amusinga obukulu, ne yeerayira yekka
- 14 ng'ayogera nti Mazima okuwa omukisa nnaakuwanga omukisa, n'okwaza nnaak-wazanga.
- 15 Bw'atyo bwe yamala okugumiikiriza n'aweewba ekyasuubizibwa.
- 16 Kubanga abantu balayira asinga obukulu: ne mu mpaka zaabwe zonna ekirayiro kye kisalawo okukakasa.
- 17 Katonda kyeyava ateeka wakati ekirayiro, ng'ayagala okubooseza ddala ennyo abasika ab'ekyasuubizibwa okuteesa kwe bwe kutajjulukuka:
- 18 olw'ebigambo ebibiri ebitajjulukuka, Katonda by'atayinza kulimbiramu, tulyoke tubeerenga n'ekitugumya ekinywevu ffe abadduka okunoonya ekyekwekero okuny-weza essuubi eryatekebwa mu maaso gaffe;
- 19 lye tulina ng'essika ery'obulamu, essuubi eritabuusibwabuusibwa era erinywevu era eriyingira munda w'eggigi.
- 20 Yesu mwe yayingira omukulembeze ku lwaffe, bwe yafuuka kabona asinga obukulu emirembe gyonna ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.

Essuula 7

- 1 Kubanga Merukizeddeeki oyo kabaka w'e Ssaalemi, kabona wa Katonda Ali waggulu ennyo, eyasisinkana Ibulayimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka, n'amusabira omukisa,
- 2 era Ibulayimu gwe yagabira ekitundu eky'ekkumi ekya byonna (eky'oluberereberye, mu kutegeezebwa, kabaka wa butuukirivu, era eky'okubiri, kabaka w'e Ssaalemi, ye kabaka ow'emirembe;
- 3 atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako newakubadde enkomerero y'obulamu, naye eyafaananyizibwa Omwana wa Katonda), abeera kabona ow'olubeerera ennaku zonna,
- 4 Kale mulwooze omuntu oyo bwe yali omukulu, Ibulayimu jjajja omukulu gwe yawa ekitundu eky'ekkumi ku munyago ogw'okwebonaanya.
- 5 N'abo ab'omu baana ba Leevi abaawebwa obwakabona amateeka gabalagira oku-soloozanga ebitundu eby'ekkumi mu bantu, be baganda baabwe, newakubadde ng'abo bava mu ntumbwe za Ibulayimu:
- 6 naye oyo, atabalibwa mu kika kyabwe, yasolooza Ibulayimu n'asabira omukisa nnan-nyini byasuubizibwa.
- 7 Naye, tekyegaanika n'akatono, omuto yasabirwa omukulu omukisa.
- 8 Era mu ekya abawebwa ebitundu eby'ekkumi be bantu abafa; naye mu kiri abi-weebwa ye oyo ategeezebwa nga mulamu.
- 9 Era, okwojera bwe kuti, ne Leevi, aweebwa omusolo, yaguweerayo mu Ibulayimu;

- 10 kubanga yali akyali mu ntumbwe za jjajjaawe, Merukizeideeki bwe yamusisinkana.
- 11 Kale okutuukirira singa kwaliwo lwa bwakabona obw'Ekileevi (kubanga abantu baaweebwa amateeka mu biro byabwo), kiki ekyetaaza nate kabona ow'okubiri okuyimuka mu ngeri ya Merukizeddeeki, n'atabalirwa mu ngeri ya Alooni?
- 12 Kubanga obwakabona bwe buwaaayisibwa, era n'amateeka tegalema kuwaanyisibwa.
- 13 Kubanga oyo eyayogerwako ebigambo ebyo wa kika kirala omutavanga muntu yenna eyali aweerezza ku kyoto.
- 14 Kubanga kitegeerekese ga Mukama waffe yava mu Yuda; ekika Musa ky'atayogerako bigambo ya bakabona.
- 15 N'ebyo byeyogera nnyo okutegeerekeka, oba nga ayimuka kabona ow'okubiri ng'ekifaananyi kya Merukizeddeeki bwe kiri,
- 16 atalondebwa ng'amateeka bwe gali agalimu ekiragiyo ky'omubiri, wabula ng'amaanyi bwe gali ag'obulamu obutakutuka:
- 17 kubanga ategeezebwa nti Oli kabona okutuusa emirembe gyonna Ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.
- 18 Kubanga ekiragiyo ekyasooka kijjulukuka olw'obunafu n'obutagasa bwakyo
- 19 (kubanga amateeka tagaliiko kye gaatuukiriza), essuubi erisinga obulungi ne liyingizibwa, eritusembezesa eri Katonda.
- 20 Era bwe wataabula kulayira kirayiro
- 21 (kubanga bo baafuulibwa bakabona awatali kirayiro; naye oyo awamu n'ekirayiro yafuulibwa oyo amwogerako nti Mukama yalayira, era talyejjusa, nti Oli kabona okutuusa emirembe gyonna);
- 22 era ne Yesu bwe yafuuka bw'atyo omuyima w'endagaano esinga obulungi.
- 23 Nabo bangi baafuulibwa bakabona, kubanga okufa kwabalobera okubeeranga:
- 24 naye oyo, kubanga abeerera okutuusa emirembe gyonna, alina obwakabona obutavaawo.
- 25 Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga.
- 26 Kubanga kabona asinga obukulu afaanana bw'atyo ye yatusaanira, omutukuvu, ataliiko kabi, ataliiko bbala, eyayawulibwa eri abo abalina ebibi, era eyagulumizibwa okukira eggulu;
- 27 atawalirizibwa, nga bakabona abasinga obukulu bali, okuwangayo ssaddaaka buli lunaku, okusooka olw'ebibi bye yennyini, oluvannyuma olw'ebyo eby'abantu: kubanga okwo yakukolera ddala omulundi gumu, bwe yeewaayo yennyini.
- 28 Kubanga amateeka galonda abantu okuba bakabona abasinga obukulu, abalina obunafu; naye ekigambo eky'ekirayiro, ekyaddirira amateeka, kyalonda Omwana, eyatuukirizibwa okutuusa emirembe gyonna.

Essuula 8

- 1 Kale mu bigambo bye twogedde kino kye kikolo: tulina kabona asinga obukulu, afaanana bw'atyo, eyatuula ku mukono ogwa ddyo ogw'entebe ey'Obukulu obw'omuggulu,
- 2 omuweereza w'ebitukuvu, era ow'eweema ey'amazima, Mukama gye yasimba, si muntu.
- 3 Kubanga buli kabona asinga obukulu alondebwa olw'omulimu ogw'okuwangayo ebirabo era ne ssaddaaka: kyekiva kimugwanira n'oyo okubeera n'ekintu eky'okuwaayo.
- 4 Kale singa yali ku nsi, teyandibadde kabona n'akatono, nga waliwo abawaayo ebirabo ng'amateeka bwe gali;

- 5 abaweereza eby'ekifaananyi n'ekisiikirize eky'ebyo eby'omu ggulu, nga Musa bwe yabuulirwa Katonda, bwe yali ng'agenda okukola eweema: kubanga ayogera nti Tolemanga kukola byonna ng'ekyokulabirako bwe kiri kye walagibwa ku lusizi.
- 6 Naye kaakano aweereddwa okuweereza okusinga okuwooma, era nga bw'ali omubaka w'endagaano esinga obulungi, kubanga yalagaanyizibwa olw'ebyasuubizibwa ebisinga obulungi.
- 7 Kuba endagaano eri ey'olubereberye singa teyaliiko kya kunenyezebwa, tewandi-noonyezebbwa banga ery'ey'okubiri.
- 8 Kubanga bw'abanenya ayogera nti Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, Bwe ndiragaana endagaano empya n'ennyumba ya Isiraeri era n'ennyumba ya Yuda;
- 9 Si ng'endagaano gye nnalagaana ne bajjajja baabwe Ku lunaku lwe nnabakwata ku mukono okubaggya mu nsi y'Emisiri: Kubanga abo tebaanywerera mu ndagaano yange, Nange ne mbaleka okubalaba, bw'ayogera Mukama.
- 10 Kubanga eno ye ndagaano gye ndiragaana n'ennyumba ya Isiraeri Oluvannyuma lw'ennaku ziri, bw'ayogera Mukama; Nдитеека amateeka gange mu magezi gaabwe, Era ne ku mutima gwabwe ndigawandiika; Nange nnaabeeranga Katonda gye bali, Nabo banaabeeranga bantu gye ndi:
- 11 So buli muntu tebaliyigiriza munne, Na buli muntu muganda we, ng'ayogera nti Manya Mukama: Kubanga bonna balimanya, Okuva ku muto okutuuka ku mukulu mu bo.
- 12 Kubanga ndisaasira obutali butuukirivu bwabwe, N'ebibi byabwe siribijjukira nate.
- 13 Bw'ayogera nti Endagaano empya ey'olubereberye aba agikaddiyizza. Naye ekikulu era ekikaddiwa kiri kumpi n'okuggwaawo.

Essuula 9

- 1 Era n'endagaano ey'olubereberye yalina empisa ezaalagirwa ez'okusinzanga Katonda, n'ekifo ekitukuvu, eky'omu nsi.
- 2 Kubanga eweema yakolwa, ey'olubereberye eyalimu ekikondo ky'ettabaaza n'emmeeza n'emigaati egy'okulaga; awaayitibwa Awatukuvu.
- 3 Era ennyuma w'eggigi ery'okubiri yaliyo eweema eyitibwa Entukuvu ennyo;
- 4 eyalimu ekyoterezo ekya zaabu; n'essanduuko ey'endagaano eyabikkibwako zaabu enjuyi zonna, eyalimu ekibya ekya zaabu omwali emaanu, n'omuggo gwa Alooni ogwaloka, n'ebipande eby'endagaano;
- 5 ne kungulu ku yo bakerubi ab'ekitiibwa nga basiikiriza entebe ey'okusaasira; bye tutayinza kwogerako kaakano kinnakimu.
- 6 Naye ebyo bwe byakolebwa bwe bityo, bakabona bayingira mu weema ey'olubereberye obutayosa, nga batuukiriza emirimu egy'okuweereza;
- 7 naye mu eri ey'okubiri ayingiramu kabona asinga obukulu yekka, omulundi gumu buli mwaka, si awatali musaayi, gw'awaayo ku lulwe ye n'olw'obutamanya bw'a bantu.
- 8 Omwoyo Omutukuvu ng'ategeeza kino, ng'ekkubo eritwala mu kifo ekitukuvu terinalabisibwa, ng'eweema ey'olubereberye ekyayimiriddewo;
- 9 eyo kye kifaananyi olw'ebiro ebiriwo; ekirimu ebirabo era ne ssaddaaka ebiweebwayo ebitayinza kumutuukiriza oyo aweereza mu bigambo by'omwoyo,
- 10 kubanga ze mpisa ezaalagirwa ez'omubiri obubiri (era awamu n'ez'okulya n'ez'okunywa n'ez'okunaaba okutali kumu) ezaateekebwawo okutuusa ku biro eby'okudda obuggya.
- 11 Naye Kristo bwe yajja kabona asinga obukulu ow'ebigambo ebirungi ebigenda okujja, n'ayita mu weema esinga obukulu n'okutuukirira, etaakolebwa na mikono, amakulu, etali ya mu nsi muno,

- 12 so si lwa musaayi gwa mbuzi n'ennyana, naye lwa musaayi gwe ye, n'ayingirira ddala omulundi gumu mu watukuvu, bwe yamala okufuna okununula okutaggwaawo.
- 13 Kuba oba ng'omusaayi gw'embuzi n'ente ennume n'evvu ly'ente enduusi, ebimansirwa ku abalina empitambi, bitukuza okunaaza omubiri;
- 14 omusaayi gwa Kristo, eyeewaayo yekka olw'Omwoyo ataggwaawo eri Katonda nga taliiko bulema, tegulisinga nnyo okunaaza omwoyo gwammwe mu bikolwa ebifu okuweereza Katonda omulamu?
- 15 Era ye kyava abeera omubaka w'endagaano empya, okufa bwe kwabeerawo olw'okununula mu byonono eby'omu ndagaano ey'olubereberye, abayitibwa balyoke baweebwe okusuubiza kw'obusika obutaggwaawo.
- 16 Kubanga awaba endagaano ey'obusika, kigwana okubaawo okufa kw'oyo eyagiragaana.
- 17 Kubanga endagaano ey'obusika enywerera awaba okufa: kubanga yali etuukirizza ekyagiragaanyisa eyagiragaana ng'akyali mulamu?
- 18 Era n'endagaano ey'olubereberye kyeyava erema okusookebwa awatali musaayi.
- 19 Kubanga buli kiragirowo bwe kyamalanga okwogerwa Musa eri abantu bonna ng'amateeka bwe gali, n'atwalanga omusaayi gw'ennyana n'embuzi, wamu n'amazzi n'ebyo by'endiga ebimyufu n'ezoobu, n'amansiranga ku kitabo kyennyini, era ne ku bantu bonna,
- 20 ng'ayogera nti Guno gwe musaayi gw'endagaano Katonda gye yabalagira.
- 21 Era nate eweema n'ebintu byonna eby'okuweereza n'abimansirangako omusaayi bw'atyo.
- 22 Era mu mateeka kubulako katonobintu byonna okunaazibwa omusaayi, era awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa.
- 23 Kale ebifaananyi by'ebyo eby'omu ggulu kyabigwanira okunaazibwa n'ebyo, naye eby'omu ggulu byennyini okunaazibwa ne ssaddaaka ezisinga ezo.
- 24 Kubanga Kristo teyayingira mu kifo ekitukuvu ekyakolebwa n'emikono ekyafaanana ng'ekyo eky'amazima naye mu ggulu mwennyini, okulabika kaakano mu maaso ga Katonda, ku lwaffe:
- 25 so si kwewangayo mirundi mingi; nga kabona asinga obukulu bw'ayingira mu kifo ekitukuvu buli mwaka n'omusaayi ogutali gugwe;
- 26 kubanga kyandimugwanidde okubonaabonanga emirundi emingi okuva ku kutondebwa kw'ensi: naye kaakano omulundi gumu ku nkomerero y'emirembe alabise okuggyawo ekibi olw'okwewaayo yennyini.
- 27 Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango;
- 28 era ne Kristo bw'atyo, bwe yamala okuweebwayo omulundi ogumu okwetikka ebibi by'abangi, alirabika omulundi ogw'okubiri awatali kibi eri abo abamulindirira, olw'obulokozi.

Essuula 10

- 1 Kubanga amateeka bwe galina ekisiikirize eky'ebirungi ebyali bigenda okujja, so si kifaananyi kyennyini eky'ebigambo, ne ssaddaaka ezitajjulukuka, ze bawaayo obutayosa buli mwaka buli mwaka; tebayinza ennaku zonna kutuukiriza abo abazisemberera.
- 2 Kubanga tezandirekeddwayo kuweebwayo kubanga abasinza bwe bamala okunaazibwa ddala omulundi ogumu tebandibadde na kwetegeerako bibi nate.
- 3 Naye mu ezo mulimu okujjukizanga ebibi buli mwaka buli mwaka.
- 4 Kubanga tekiyinzika omusaayi gw'ente ennume n'embuzi okuggyako ebibi.

- 5 Ng'ajja mu nsi, kyava ayogera nti Ssaddaaka n'ebiweebwayo tewabyagala, Naye wanteekerateekera omubiri;
- 6 Tewasiima ebyokebwa ebiramba n'ebiweebwayo olw'ebibi;
- 7 Ne ndyoka njogera nti Laba nzize (Mu muzingo gw'ekitabo ekyampandiikwako) Okukola by'oyagala, ai Katonda.
- 8 Bw'ayogera waggulu nti Ssaddaaka n'ebiweebwayo n'ebyokebwa ebiramba n'ebiweebwayo olw'ebibi tewabyagala so tewabisiima (ebyo bye biweebwayo ng'amateeka bwe gali),
- 9 n'alyoka ayogera nti Laba, nzize okukola by'oyagala. Aggyawo eky'oubereberye, alyoke anyweze eky'okubiri.
- 10 Mu ebyo by'ayagala twatukuzibwa olw'okuwaayo omubiri gwa Yesu Kristo omulundi gumu.
- 11 Na buli kabona ayimirira buli lunaku ng'aweereza ng'awaayo emirundi emingi ssaddaaka ezitajjulukuka, ezitayinza kugyako bibi emirembe gyonna:
- 12 naye oyo bwe yamala okuwaayo saddaaka emu olw'ebibi okutuusa mirembe gyonna, n'alyoka atuula mu mukono ogwa ddyo ogwa Katonda;
- 13 ng'alindirira oluvannyuna abalabe be okufuusibwa entebe y'ebigere bye.
- 14 Kubanga olw'okuwaayo ssaddaaka emu yatuukiriza okutuusa emirembe gyonna abatukuzibwa.
- 15 Era n'Omwoyo Omutukuvu ye mujulirwa gye tuli: kubanga bw'amala okwogera nti
- 16 Eno ye ndagaano gye ndiragaana nabo Oluvannyuma lw'ennaku ziri, bw'ayogera Mukama; Nditeeka amateeka gange ku mutima gwabwe, Era ne ku magezi gaabwe ndigawandiika; n'alyoka ayogera nti
- 17 N'ebibi byabwe n'obujeemu bwabwe siribijukira nate.
- 18 Naye awali okuggibwako ebyo, tewakyali kuwangayo ssaddaaka olw'ekibi.
- 19 Kale ab'oluganda, bwe tulina obugumu okuyingira mu kifo ekitukuvu olw'omusaayi gwa Yesu,
- 20 mu kkubo lye yatukubira, eriggya eddamu, eriyita mu ggigi, gwe mubiri gwe;
- 21 era bwe tulina kabona omunene afuga ennyumba ya Katonda;
- 22 tusemberenga n'omwoyo ogw'amazima olw'okukkiriza okutuukiridde, emitima gyaffe nga mansirwako okuggyamu omwoyo omubi, n'emibiri gyaffe nga ginaazibwa n'amazzi amalungi:
- 23 tunyweze okwatulanga essuubi lyaffe obutasagaasagana; kubanga eyasuubiza mwe-sigwa:
- 24 era tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi;
- 25 obutalekanga kukuaana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira; era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwe mulaba olunaku luli nga lunaatera okutuuka.
- 26 Kuba bwe tugenderera okwonoona nga tumaze okuweebwa okutegeera amazima, tewasigaddeeyo nate ssaddaaka olw'ebibi,
- 27 wabula okulindirira n'obuti omusango, n'obukambwe obw'omuliro ogugenda okwokya abalabe.
- 28 Anyooma amateeka ga Musa afa awatali kusaasirwa olw'abajulirwa ababiri oba basatu:
- 29 mulowooza mutya, okubonerezebwa oyo kw'alisaanyizibwa kulyenkana wa okusinga okuba okubi eyalinnyiririra ddala Omwana wa Katonda, n'alowooza omusaayi gw'endagaano ogwamutukuza obutaba mutukuvu, n'agirira ekyejo Omwoyo ow'ekisa?
- 30 Kubanga tumumanyi oyo eyayogera nti Eggwanga lyange, nze ndiwalana. Era nate nti Mukama alisalira omusango abantu be.

- 31 Kigambo kya ntiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu.
- 32 Naye mujjukire ennaku ez'edda, bwe mwamala okwakirwa, ze mwagumiikirizaamu okufuba okunene okw'ebibonoobono;
- 33 olulala bwe mwafuuka ekyerolerwa olw'ebivume n'okulaba ennaku; olulala, bwe mwassa ekimu n'abo abaakolerwa ebyo.
- 34 Kubanga mwasaasira abasibe, era mwagumiikiriza n'essanyu okunyagibwako ebintu byammwe, nga mutegeera nga mulina mwekka ebintu ebisinga obulungi era eby'olubeerera.
- 35 Kale temusuulanga bugumu bwammwe, obuliko empeera ennene.
- 36 Kubanga mwetaaga okugumiikiriza, bwe mulimala okukola Katonda by'ayagala mulyoke muweebwe ekyasuubizibwa.
- 37 Kubanga wakyasigaddeyo akaseera katono nnyo, Ajja alituuka, so talirwa.
- 38 Naye omutuukirivu wange aliba mulamu lwa kukkiriza: Era bw'addayo ennyuma, emmeeme yange temusanyukira.
- 39 Naye ffe tetuli ba kudda nnyuma mu kuzikirira, naye tuli ba kukkiriza olw'okulokola obulamu.

Essuula 11

- 1 Okukkiriza kye kinyweza ebisuubirwa kye kitegeereza ddala ebigambo ebitalabika.
- 2 Kubanga abakadde baategeerezebwa mu okwo.
- 3 Olw'okukkiriza tutegeera ng'ebintu byonna byakolebwa kigambo kya Katonda, era ekirabika kyekyava kirema okukolebwa okuva mu birabika.
- 4 Olw'okukkiriza Abiri yawa Katonda ssaddaaka esinga obulungi okukira eya Kayini, eyamutegeezesa okuba n'obutuukirivu, Katonda bwe yategeereza ku birabo bye: era olw'okwo newakubadde nga yafa akyayogera.
- 5 Olw'okukkiriza, Enoka yatwalibwa obutalaba kufa; n'atalabika kubanga Katonda yamutwala: kubanga bwe yali nga tannatwalibwa yategeezebwa okusumibwa Katonda:
- 6 era awataba kukkiriza tekiyinzika kusiiimbwa: kubanga ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya.
- 7 Olw'okukkiriza Nuuwa, bwe yalabulwa Katonda ku bigambo ebyali bitannalabika, n'atya bulungi n'asiba eryato olw'okulokola ennyumba ye; kyeyava asalira ensi omusango, n'afuuka omusika w'obutuukirivu obuli mu kukkiriza.
- 8 Olw'okukkiriza Ibulayimu, bwe yayitibwa, n'awulira n'okugenda n'agenda mu kifo kye yali agenda okuweebwa okuba obusika; n'avaayo nga tamanyi gy'agenda.
- 9 Olw'okukkiriza n'abeeranga omugenyi mu nsi eyasuubizibwa, ng'etali yiye, ng'asula mu weema wamu ne Isaaka ne Yakobo, basika banne ab'okusuubizibwa okwo:
- 10 kubanga yalindirira ekibuga kiri ekirina emisingi, Katonda kye yakuba kye yazimba.
- 11 Olw'okukkiriza era ne Saala yennyini n'aweabwa amaanyi okuba olubuto newakubadde nga yali ayitiridde mu myaka, kubanga oyo eyasuubiza yamulowooza nga mwesigwa:
- 12 era kyebaava bazaalibwa oyo omu era eyali ng'afudde, abali ng'emmunyeenye ez'omu ggulu obungi, era ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja ogutabalika.
- 13 Abo bonna baafiira mu kukkiriza, nga tebaweereddwa ebyasuubizibwa, naye nga babirengerera wala, era nga babiramusa, era nga baatula nga bagenyi era abatambuze ku nsi.
- 14 Kubanga aboogera bwe batyo boolesa nga banoonya ensi ey'obutaka.
- 15 Era singa bajjukira ensi eri gye baavaamu, bandibadde n'ebbanga okuddayo.
- 16 Naye kaakano beegomba ensi esinga obulungi, ye y'omu ggulu; Katonda kyava alema

okukwatibwa ensonyi ku lw'abo, okuyitibwanga Katonda waabwe: kubanga yabateekerateekera ekibuga.

- 17 Olw'okukkiriza Ibulayimu; bwe yakemebwa, n'awaayo Isaaka; era eyaweebwa ebyasuubizibwa n'essanyu yali agenda okuwaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka;
- 18 eyagambibwa nti Mu Isaaka ezzadde lyo mwe linaayitirwanga:
- 19 bwe yalowooza nga Katonda ayinza okuzuukiza mu bafu era; era mwe yamuweerwa mu kifaananyi.
- 20 Olw'okukkiriza Isaaka yasabira omukisa Yakobo ne Esawu, era mu bigambo ebyali bigenda okujja.
- 21 Olw'okukkiriza Yakobo, bwe yali agenda okufa, yasabira omukisa abaana ba Yusufu bombiriri; n'asinza ng'akutamy'e ku musa gw'omuggo gwe.
- 22 Olw'okukkiriza Yusufu, bwe yali ng'anaatera okufa, n'ayogera ku kuvaayo kw'abaana ba Isiraeri; n'alagira eby'amagumba ge.
- 23 Olw'okukkiriza Musa, bwe yazaalibwa, abazadde be ne bamukwekera emyezi esatu, kubanga baamulaba nga mulungi; ne batatya kiragiro kya kabaka.
- 24 Olw'okukkiriza Musa, bwe yakula, n'agaana okuyitibwanga omwana wa muwala wa Falaawo;
- 25 ng'asinga okwagala okukolebwanga obubi awamu n'abantu ba Katonda okukira okubanga n'okwesiima okw'ekibi okuggwaawo amangu;
- 26 ng'alowooza ekivume kya Kristo okuba obugagga obusinga ebintu by'e Misiri: kubanga yeekaliriza empeera eyo.
- 27 Olw'okukkiriza n'aleka Misiri, nga tatya busungu bwa kabaka: kubanga yagumiikiriza ng'alaba oyo atalabika.
- 28 Olw'okukkiriza yakola Okuyitako n'okumansira omusaayi, eyazikiriza ababereberye aleme okubakomako.
- 29 Olw'okukkiriza ne bayita mu Nnyanja Emmyufu nga ku lukalu: Abamisiri bwe baagezaako okukola bwe batyo ne basaanyizibwawo.
- 30 Olw'okukkiriza bbugwe wa Yeriko n'agwa, nga kimaze okwebungululirwa ennaku musanvu.
- 31 Olw'okukkiriza Lakabu omwenzi oyo teyazikiririra wamu n'abo abataagonda, bwe yasembeza abakessi emirembe.
- 32 Njogere ki nate? Kubanga ebbanga linanzigwako bwe nnaayogera ku Gidiyooni, Balaki, Samusooni, Yefusa; ku Dawudi ne Samwiri ne bannabbi:
- 33 olw'okukkiriza abo be baawangula obwakabaka, be baakola eby'obutuukirivu, be baafuna ebyasuubizibwa, be baabuniza obumwa bw'empologoma,
- 34 be baazikiza amaanyi g'omuliro, be badduka obwogi bw'ekitala, be baaweebwa amaanyi okuva mu bunafu, be baafuuka abazira mu ntalo, be baagoba eggye ly'ab'amawanga.
- 35 Abakazi ne baweebwa abafu baabwe mu kuzuukira: n'abalala ne bayigganyizibwa, nga tebaganya kununulibwa, balyoke baweebwe okuzuukira okusinga obulungi:
- 36 n'abalala ne bakemebwa nga baduulirwa era nga bakubibwa, era nate nga basibibwa ne bateekebwa mu kkomera:
- 37 baakubibwa amayinja, baasalibwamu n'emisumeeno, baakemebwa, battibwa n'ekitala: baatambulanga nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi; nga tebalina kantu, nga babonyaabonyezebwa, nga bakolwa obubi
- 38 (ensi beetaasaanira), nga bakyamira mu malungu ne ku nsozi ne mu mpuku ne mu bunya obw'ensi.
- 39 N'abo bonna bwe baamala okutegeezebwa olw'okukkiriza kwabwe, ne batafuna ekyasuubizibwa,
- 40 Katonda bwe yatulabira edda ffe ekisinga obulungi, bo baleme okutuukirizibwa ffe

nga tetuliwo.

Essuula 12

- 1 Kale naffe, bwe tulina olufu lw'abajulirwa olwenkana awo olutwetooolodde, twambu-lenga buli ekizitowa n'ekibi ekyegatta naffe, tuddukenga n'okugumiikiriza okuwakana okuteekeddwa mu maaso gaffe,
- 2 nga tutunuulira Yesu yekka omukulu w'okukkiriza kwaffe era omutuukiriza waakwo, olw'essanyu eryateekebwa mu maaso ge eyagumiikiriza omusalaba, ng'anyooma ensonyi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogw'entebe ya Katonda.
- 3 Kubanga mumulowooze oyo eyagumiikiriza empaka embi ezenkana awo ez'abakola ebibi ku bo bennyini, mulemenga okukoowa, nga muddirira mu mmeeme zammwe.
- 4 Temunnawakana okutuusa ku musaayi nga mulwana n'ekibi:
- 5 era mwerabidde ekigambo ekibuulirira, ekyogera nammwe ng'abaana nti Mwana wange, tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama, So toddiriranga bw'akunenyanga;
- 6 Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula, Era akuba buli mwana gw'akkiriza.
- 7 Olw'okukangavvulwa kyemunaavanga mugumiikiriza; Katonda abakola ng'abaana; kuba mwana ki kitaawe gw'atakanavvula?
- 8 Naye bwe munaabeeranga awatali kukangavvulwa, okugwana okututuukako fenna, muli beebolereze, so si baana.
- 9 Nate twalina bakitaffe ab'omubiri gwaffe abaatukangavvulanga, ne tubasangamu ekitiibwa: tetulisinga nnyo okugonderanga Kitaawe w'emyoyo, ne tuba abalamu?
- 10 Kubanga bo baatukangavvuliranga ennaku si nnyingi olw'okwegasa bo; naye oyo atukangavvula olw'okutugasa, tulyoke tufune omugabo ku butukuvu bwe.
- 11 Okukakangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu wabula kwa nnaku: naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa mu kwo; bye by'obutuukirivu.
- 12 Kale mugololenga emikono egirengejja, n'amaviivi agakozimba;
- 13 era mukubirenga ebigere byammwe ama kubo amagolokofu, awenyera alemenga okugavaamu, naye awonenga buwonyi.
- 14 Mugobererenga emirembe eri abantu bonna, n'obutukuvu, awatali obwo siwali aliraba Mukama:
- 15 nga mutunuulira nnyo walemenga okuba omuntu yenna aweebuuka mu kisa kya Katonda; ekikolo kyonna eky'okukaawa kiremenga okuloka n'okubeeraliikiriza, era ne kigwagwawaza abangi;
- 16 walemenga okubeera omwenzi, oba atatya Katonda, nga Esawu, eyatunda obusika bwe olw'akawumbo k'emmere akamu.
- 17 Kubanga mumanyi nga era oluvannyuma bwe yayagala okusikira omukisa, n'agaanibwa (kubanga teyalaba bbanga lya kwenenyezaamu), newakubadde nga yagunoonya nnyo n'amaziga.
- 18 Kubanga temuzze ku lusozi olukwatibwako era olwaka n'omuliro, n'eri ekizikiza ekikutte zzigizigi, ne kibuyaga,
- 19 n'okuvuga kw'ekkondeere, n'eddoboosi ly'ebigambo; abaaliwulira ne beegayirira obutayongerwako kigambo lwa kubiri:
- 20 kubanga tebaakiyinja ekyalagirwa nti Newakubadde n'ekisolo bwe kikoma ku lusozi, kirikubibwa amayinja:
- 21 n'ebyalabika byali bya ntiisa bwe biti Musa n'okugamba n'agamba nti Ntidde nnyo era nkankanye:
- 22 naye muzze ku lusozi Sayuuni, ne ku kibuga kya Katonda omulamu, Yerusaalemi eky'omu ggulu, n'eri obukumi bwa bamalayika,

- 23 eri ekkuaaniro eddene era ekkansa ey' ababereberye abaawandiikibwa mu ggulu, n'eri Katonda Omulamuzi wa bonna, n'eri emyoyo gy' abatuukirivu abaatuukirizibwa,
- 24 n'eri Yesu omubaka w' endagaano empya, n'eri omusaayi ogw' okumansira ogwogera ebirungi okusinga ogwa Abbeeri.
- 25 Mwekuume obutagaananga ayogera. Kubanga bali bwe bataalokoka, bwe baamugaana oyo eyabalabula ng' ayima mu nsi, ffe abakuba oyo atulabula ng' ayima mu ggulu tulisanga nnyo obutalokoka:
- 26 ayakankanya ensi n' eddoozi lye mu biro biri: naye kaakano yasubiza, ng' ayogera nti Ekyasigadde omulundi gumu ndinyeenya, si nsi yokka, naye era n' eggulu.
- 27 N' ekyo, nti Ekyasigadde omulundi gumu, kitegeeza okuggibwawo kw' ebyo ebikankanyizibwa, ng' ebyakolebwa, ebitakankanyizibwa biryoke bibeerewo.
- 28 Kale, bwe tuwebwa obwakabaka obutakankanyizibwa, tubenga n' ekisa, kituweerezese okuweereza okusiimibwa Katonda n' okwegendereza n' okutya:
- 29 kubanga Katonda waffe gwe muliro ogwokya.

Essuula 13

- 1 Okwagala ab' oluganda kubeerengawo.
- 2 Temwerabiranga kusembeza bagenyi: kubanga olw' okwo waaliwo abaasembeza bamalayika nga tebamanyi.
- 3 Mujjukirenga abasibe, ng' abasibirwa awamu nabo; era n' abalaba ennaku, kubanga nammwe muli mu mubiri.
- 4 Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna, n' ekitanda kirongoofu; kubanga abakaba n' abenzi Katonda alibasalira omusango.
- 5 Mubeerenga n' empisa ey' obutaagalanga bintu; bye mulina bibamalenga: kubanga ye yennyini yagamba nti Sirikuleka n' akatono, so sirikwabalira n' akatono.
- 6 N' okwaanga ne twaanga okwogera nti Mukama ye mubeezi wange; ssiritya: Omuntu alinkola ki?
- 7 Mujjukirenga abo abaabafuga, abaababuulira ekigambo kya Katonda; era nga mutunuulira enkomerero y' empisa zaabwe, mugobererenga okukkiriza kwabwe.
- 8 Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n' okutuusa emirembe n' emirembe.
- 9 Temutwalibwatwalibwanga kuyigiriza okw' engeri ennyingi okuggya: kubanga kirungi omutima okunywezebwa n' ekisa; so si kunywezebwa na mpisa ez' okulyanga, ezitagasa abo abazitambuliramu.
- 10 Tulina ekyoto abaweereza eby' omu weema kye batalagirwa kuliirangako.
- 11 Kubanga ebisolo biri, ebitwalibwamu omusaayi gwabyo kabona asinga obukulu mu kifo ekitukuvu olw' ekibi, emibiri gyabyo gyokerwa bweru wa lusiisira.
- 12 Era ne Yesu kyeyava abonabonera ebweru wa wankaaki, alyoke atukuze abantu n' omusaayi gwe ye.
- 13 Kale tufulume okugenda gy' ali ebweru w' olusiisira nga twetisse ekivume kye.
- 14 Kubanga wano tetulina kibuga ekibeerera, naye tunoonya ekigenda okujja.
- 15 Kale mu oyo tuweereyo eri Katonda bulijjo ssaddaaka ey' ettendo, kye kibala eky' emimwa egyatula erinnya lye.
- 16 Naye okukola obulungi n' okukkaanya temwerabiranga: kubanga ssaddaaka eziri ng' ezo zisanyusa nnyo Katonda.
- 17 Muwulirenga abo ababafuga mubagonderenga: kubanga abo batunula olw' obulamu bwammwe, ng' abaliwoza bwe baakola; balyoke bakolenga bwe batyo n' essanyu so si na kusinda: kubanga ekyo tekyandibagasizza mmwe.
- 18 Mutusabirenga: kubanga tumanyidde ddala nga tulina omwoyo omulungi, nga twagala okubanga n' empisa ennungi mu byonna.

- 19 Era okusinga ennyo mbeegayirira okukolanga bwe mutyo, ndyoke nkomezebweo mangu gye muli.
- 20 Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye Mukama waffe Yesu,
- 21 abatuukirize mu buli kigambo kirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera mu ffe ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo; aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
- 22 Naye mbabuulirira, ab'oluganda, mugumiikirizenga ekigambo eky'okubuulirira: kubanga mbawandiikidde mu bigambo bitono.
- 23 Mumanye nga muganda waffe Timosewo yateebwa; bw'alijja amangu, ndibalabira wamu naye.
- 24 Mulamuse bonna abafuga, n'abatukuvu bonna. Ab'omu Italiya babalamusizza.
- 25 Ekisa kibeerenga nammwe mwenna. Amiina.

Yakobo

Essuula 1

- 1 Yakobo, omuddu wa Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo, eri ebika ekkumi n'ebibiri ebyasaasaana, mbalamusizza.
- 2 Mulowoozenga byonna okuba essanyu, baganda bange, bwe munaagwanga mu kuke-mebwa okutali kumu;
- 3 nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza.
- 4 Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abaatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna.
- 5 Naye oba ng'omuntu yenna ku mmwe aweebuuka mu magezi asabenga Katonda atamma awa bonna so takayuka; era galimuweebwa.
- 6 Naye asabenga mu kukkiriza, nga taliiko ky'abuusabuusa: kubanga abuusabuusa afaanana ng'ejjengo ery'ennyanja eritwalibwa empewo ne lisuukundibwa.
- 7 Kubanga omuntu oyo talowoozanga ng'aliweebwa ekintu kyonna eri Mukama waffe
- 8 omuntu ow'emyoyo ebiri, atanywera mu makubo ge gonna.
- 9 Naye ow'oluganda omukopi yeenyumirizenga olw'obukulu bwe:
- 10 era n'omugagga yeenyumirizenga olw'okukopawala kwe: kubanga aliggwaawo ng'ekimuli ky'omuddo.
- 11 Kubanga enjuba evaayo n'omusana omungi n'ewotosa omuddo; n'ekimuli kyagwo ne kigwa n'obulungi bw'ekifaananyi kyagwo ne bubula: era n'omugagga bw'atyo bw'aliwotoka mu kutambula kwe.
- 12 Alina omukisa omuntu agumiikiriza okukemebwa: kubanga bw'alimala okusiimibwa aliweebwa engule ey'obulamu, Mukama waffe gye yasubiza abamwagala.
- 13 Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda ye ankema kubanga Katonda takemeka na bubu, era ye yennyini takema muntu yenna:
- 14 naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa.
- 15 Okwegomba okwo ne kulyoka kuba olubuto ne kuzaala okwonoona: n'okwonoona okwo, bwe kumala okukula; ne kuzaala okufa.
- 16 Temwerimbalinga, baganda bange abaagalwa.
- 17 Buli kirabo kirungi na buli kitone kituukirivu kiva waggulu, nga kikka okuva eri Kitaffe ow'ebiyaka, atayinza kuba na kufuukafuuka newankubadde ekisiikirize eky'okukyuka.
- 18 Olw'okuteesa kwe yatuzaala n'ekigambo eky'amazima, tulyoke tubeere ng'omwaka omubereberye ogw'ebitonde bye.
- 19 Ekyo mukimanyi, baganda bange abaagalwa. Naye buli muntu abeerenga mwangu wa kuwulira, alwengawo okwogera, alwengawo okusunguwala
- 20 kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda.
- 21 Kale muteekenga wala obugwagwa bwonna n'obubi obusukkiridde, mutoolenga n'obuwombeefu ekigambo ekisigibwa ekiyenza okulokola obulamu bwammwe.
- 22 Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalinga.
- 23 Kubanga omuntu yenna bw'aba omuwulizi w'ekigambo, so nga si mukozi, oyo afaanana ng'omuntu eyeeraba amaaso ag'obuzaaliranwa bwe mu ndabirwamu:
- 24 kubanga yeeraba n'agenda, amangu ago ne yeerabira bw'afaananye.
- 25 Naye atunula mu mateeka amatuukirivu ag'eddembe n'anyiikiriramu, nga si muwulizi eyeerabira naye mukozi akola, oyo anaaweebwanga omukisa mu kukola kwe.
- 26 Omuntu yenna bwe yeerowooza nga wa ddiini, bw'ataziyiza lulimi lwe, naye nga yeerimba omutima gwe eddiini y'oyo teriiko ky'egasa.
- 27 Eddiini ennongoofu eteriimu kko mu maaso ga Katonda Kitaffe ye eno,

okulambulanga abafuuzi ne bannamwandu mu bunaku bwabwe, n'okwekuumanga obutaba na mabala ag'omu nsi.

Essuula 2

- 1 Baganda bange, temubanga na kukkiriza kwa Mukama waffe Yesu Kristo ate ne muba n'okusosolanga mu bantu.
- 2 Kubanga bw'ayingira mu kkuaaniro lyammwe omuntu alina empeta eya zaabu ayambadde eby'obuyonjo, era n'omwavu ayambadde enziina n'ayingira,
- 3 nammwe ne mwaniriza ayambadde ebyambalo eby'obuyonjo, ne mwogera nti Ggwe tuula wano awalungi era ne mugamba omwavu nti Ggwe yimirira eri, oba tuula wansi awali akatebe k'ebigere byange;
- 4 nga temwawukanye mu mmwe mwekka, ne mufuuka abasazi b'ensonga ab'ebirowoozo ebibi?
- 5 Muwulire, baganda bange abaagalwa; Katonda teyalonda abalina obwavu bw'omu nsi okubeeranga n'obugagga obw'okukkiriza, n'okusikira obwakabaka bwe yasuubiza abamwagala?
- 6 Naye mmwe mwanyooma omwavu. Abagagga si be babajooga ne babawalula benyini awasalirwa emisango?
- 7 Singa bavuma erinnya eddungu lye muyitibwa?
- 8 Naye bwe muba mutuukiriza etteeka lino eriri nga kabaka w'amateeka, nga bwe kyawandiikibwa nti Oyagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka, mukola bulungi.
- 9 Naye bwe munaasosolanga mu bantu, nga mukoze kibi, ne musingibwa amateeka ng'abonoonyi
- 10 Kubanga omuntu yenna bw'aba akwata amateeka gonna, naye n'asobya mu limu, ng'azzizza omusango gwa gonna.
- 11 Kubanga oyo eyayogera nti Toyendanga, ate yayogera nti Tottanga. Kale bw'otoyenda naye n'otta, ng'ofuuse mwonoonyi w'amateeka.
- 12 Mwogerenga era mukolenga bwe mutyo ng'abagenda okusalirwa omusango n'amateeka ag'eddembe.
- 13 Kubanga omusango tegubaako kusaasirwa eri atasaasira: okusaasira kujaguliza ku musango.
- 14 Kigasa kitya, baganda bange, omuntu bw'ayogera ng'alina okukkiriza, naye n'ataba na bikolwa? Okukkiriza okwo kuyinza okumulokola?
- 15 Bwe wabaawo ow'oluganda omusajja oba mukazi nga bali bwereere, ng'emmere eya buli lunaku tebamala,
- 16 era omu ku mmwe bw'abagamba nti Mugende n'emirembe mubugume, mukkute, naye ne mutabawa omubiri bye gwetaaga; kigasa kitya?
- 17 Era n'okukkiriza bwe kutyo, bwe kutabaako bikolwa, kwokka nga kufudde.
- 18 Naye omuntu alyogera nti Ggwe olina okukkiriza, nange nnina ebikolwa: ndaga okukkiriza kwo awatali bikolwa byo, nange olw'ebikolwa byange ndikulaga okukkiriza kwange.
- 19 Okkiriza nga Katonda ali omu; okola bulungi: era ne bassetaani bakkiriza, ne bakankana.
- 20 Naye oyagala okutegeera, ggwe omuntu ataliimu, ng'okukkiriza awatali bikolwa tekuliiko kye kugasa?
- 21 Ibulayimu jjajjaffe teyaweebwa butuukirivu lwa bikolwa, kubanga yawaayo Isaaka omwana we ku kyoto?
- 22 Olaba ng'okukkiriza kwakolera wamu n'ebikolwa bye, era okukkiriza kwe

kwatuukirizibwa olw'ebikolwa bye:

- 23 ekyawandiikibwa ne kituukirira ekyogera nti Ibulayimu n'akkiriza Katonda, ne kumubalirwa okuba obutuukirivu; n'ayitibwa mukwano gwa Katonda.
- 24 Mulaba ng'omuntu aweebwa butuukirivu lwa bikolwa, so si lwa kukkiriza kwokka.
- 25 Era ne Lakabu omwenzi bw'atyo teyaweebwa butuukirivu lwa bikolwa, kubanga yasembeza ababaka, n'abayisa mu kubo eddala?
- 26 Kuba ng'omubiri awatali mwoyo bwe guba nga gufude, era n'okukkiriza bwe kutyo awatali bikolwa nga kufudde.

Essuula 3

- 1 Temubeeranga bayigiriza bangi, baganda bange, nga mumanyi nga tulisalirwa omusango ogusinga obunene.
- 2 Kubanga mu bingi tusobya fenna. Omuntu yenna bw'atasobya mu kigambo, oyo ye muntu eyatuukirira, ayinza okuziyiza era n'omubiri gwe gwonna.
- 3 Naye bwe tuteeka ebyuma eby'embalaasi mu mimwa gyazo ziryoke zitugonderenga, tuyinza okufuga emibiri gyazo gyonna.
- 4 Laba, era n'amaato, newakubadde nga manene bwe gatyo, era nga gatwalibwa empewo ez'amaanyi, enkasi entono ennyo ye egagoba yonna yonna omugoba gy'asiima mu kwagala kwe.
- 5 Era n'olulimi bwe lutyo kye kitundu ekitono, ne lwenyumiriza nnyo. Laba, emiti emingi egyenkanidde awo okwokebwa akaliro akatono bwe katyo.
- 6 N'olulimi muliro: ensi ey'obubi mu bitundu byaffe lwe lulimi, olwonoona omubiri gwonna, era olukoleeza nnamuziga w'ebitonde byonna, era olukoleezebwa Ggeyeena.
- 7 Kubanga buli ngeri ey'ensolo n'ennyonyi n'ebyawalula n'ebyenyanja bifugika era byafugibwa abantu:
- 8 naye olulimi siwali muntu ayinza kulufuga; bubu obutaziyizika, lujjudde obusagwa obutta.
- 9 Olwo lwe tutenderezesa Mukama waffe ye Kitaffe; era olwo lwe tukolimiza abantu abaakolerwa mu kifaananyi kya Katonda:
- 10 mu kamwa akamu mwe muva okutenderezwa n'okukolima. Baganda bange, ebyo tekibigwanira kubeera bwe bityo.
- 11 Ensulo ekulukuta amazzi amalungi n'agakaawa mu liiso erimu?
- 12 Omutiini guyinza, baganda bange, okubala ezeyituuni, oba omuzabbibu okubala ettiini? So amazzi ag'omunyo tegayinza kuvaamu malungi.
- 13 Ani alina amagezi n'okutegeera mu mmwe? Alagenga mu mpisa ennungi ebikolwa bye mu magezi amawombeefu.
- 14 Naye bwe muba n'obugya obukambwe n'okuyomba mu mutima gwammwe, temwenyumirizanga so temulimbanga okuziyiza amazima.
- 15 Amagezi gano si ge gakka okuva waggulu, naye ga mu nsi, ga buzaaliranwa, ga Setaani.
- 16 Kubanga awaba obugya n'okuyomba, we waba okutabuka na buli kikolwa ekibi.
- 17 Naye amagezi agava waggulu okusooka malongoofu, nate ga mirembe, mawombeefu, mawulize, agajjudde okusaasira n'ebibala ebirungi, agatalina kwawula, agatalina bunnanfuusi.
- 18 Era ekibala eky'obutuukirivu kisigibwa mu mirembe eri abo abaleeta emirembe.

Essuula 4

- 1 Entalo ziva wa n'okulwana kuva wa mu mmwe? Si muno, mu kwegomba kwammwe

okulwana mu bitundu byammwe?

- 2 Mwegomba so temulina: mutta, era mwegomba, ao temuyinza kufuna: mulwana era mutabaala; temulina kubanga temusaba.
- 3 Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi; mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe.
- 4 Mmwe abakazi abenzi temumanyi ng'omukwano gw'ensi bwe bulabe bwa Katonda? Kale, omuntu yenna bw'ayagala okubeera mukwano gw'ensi yeefuula mulabe wa Katonda.
- 5 Oba mulowooza ng'ekyawandiikibwa kyogerera bwereere? Omwoyo gwe yatuuza mu ffe gwegomba okuleeta obuggya?
- 6 Naye yeeyongera okugaba ekisa. Kyekiva kyogera nti Katonda alwana n'ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa.
- 7 Kale mujeemulukukirenga Katonda; naye mulwanenga ne Setaani, naye anaabadukanga.
- 8 Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe. Munaabenga mu ngalo, abalina ebibi; era mutukuzenga emitima gyammwe, mmwe abalina emmeeme ebbiri.
- 9 Munakuwale, mukube ebiwoobe, mukaabe: okuseka kwammwe kufuuke ebiwoobe, n'essaayu lifuuke okunakuwala.
- 10 Mwetoowazenga mu maaso ga Mukama waffe, naye alibagulumiza.
- 11 Temwogeraganangako bubi, ab'oluganda. Ayogera obubi ku w'oluganda, oba asalira omusango ow'oluganda, ayogera obubi ku mateeka, era asalira musango mateeka: naye bw'osalira omusango amateeka, nga toli mukozi wa mateeka, wabula omusazi w'omusango.
- 12 Eyateeka amateeka era omusazi w'omusango ali omu, oyo ayinza okulokola n'okuzikiriza, naye ggwe asalira omusango munno ggwe ani?
- 13 Kale nno mmwe aboogera nti Leero oba jjo tunaagenda mu kibuga gundi; tulimalayo omwaka gumu tulitunda tuliviisa amagoba:
- 14 naye nga temutegeera bya nkya Obulamu bwammwe buli nga kiki? Muli lufu, olulabika akaseera akatono, ne lulyoka luggwaawo:
- 15 we mwandyogeredde nti Mukama waffe bw'alyagala tuliba balamu, era tulikola bwe tuti oba bwe tuti.
- 16 Naye kaakano mwenyumiriza mu kwekulumbaza kwammwe: okwenyumiriza kwonna okuli bwe kutyo kubi.
- 17 Kale amanya okukola obulungi n'atakola, kye kibi eri oyo.

Essuula 5

- 1 Kale nno mwe abagagga, mukaabe mulire olw'ennaku ezijja ku mmwe.
- 2 Obugagga bwammwe buvunze, n'ebyambalo byammwe biriiriddwa ennyenje.
- 3 Ezaabu yammwe ne ffeeza zitalazze; n'obutalagge bwazo buliba mujulirwa gye muli, bulirya omubiri gwammwe ng'omuliro. Mwakuaanyiza ebintu mu nnaku ez'enkomerero.
- 4 Laba, empeera y'abakozi abakungula ennimiro zammwe, gye mulyazaamaanya, ekaaba: n'ebiwoobe by'abo abakungula byayingira mu matu ga Mukama Ow'eggye.
- 5 Mwesanyusa ku nsi, ne muwoomerwa ebinyumu; mwegezzezza mu mitima gyammwe nga ku lunaku olw'okubaaga ebya ssava.
- 6 Mwasala omusango okusinga omutuukirivu, ne mumutta; naye tabawakanya.
- 7 Kale, ab'oluganda, mugumiikirizenga okutuusa okujja kwa Mukama waffe. Laba, omulimi alindirira ebibala eby'ensi eby'omuwendo omungi, abigumiikiriza, okutuusa enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo.

- 8 Era nammwe mugumiikirizenga; munywezenga emitima gyammwe: kubanga okujja kwa Mukama waffe kuli kumpi.
- 9 Temwemulugunyanga, ab'oluganda, mwekka na mwekka, muleme okusalirwa omusango: laba, omusazi w'emisango ayimiridde ku luggi.
- 10 Mutwale ekyokulabirako, ab'oluganda, eky'okubonyaabonyezebwa n'okugumiikiriza, bannabbi abaayogeranga mu linnya lya Mukama.
- 11 Laba, tubayita ba mukisa abaagumiikirizanga: mwawulira okugumiikiriza kwa Yobu, era mwalaba Mukama ku nkomerero bw'akola nga Mukama wa kisa kingi n'okusaasira.
- 12 Naye okusinga byonna, baganda bange temulayiranga newakubadde eggulu, newakubadde ensi, newakubadde ekirayiro ekirala kyonna naye ekigambo kyammwe weewaawo kibeerenga weewaawo, n'ekigambo kyammwe si weewaawo kibeerenga si weewaawo; muleme okugwa mu musango.
- 13 Waliwo mu mmwe omuntu ali obubi? asabenga. Waliwo asanyuka? ayimbenga eby'okutendereza Katonda.
- 14 Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe:
- 15 n'okusaba kw'okukkiriza kulirokola omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa: era oba nga yakola ebibi birimuggibwako.
- 16 Kale mwatuliraganenga ebibi byammwe mwekka na mwekka, musabiraganenga, mulyoke muwone. Okusaba kw'omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo.
- 17 Eriya yali muntu eyakwatibwa byonna nga ffe, n'asaba nnyo enkuba ereme okutonnya; enkuba n'etatonnya ku nsi emyaka esatu n'emyezi mukaaga.
- 18 N'asaba nate; eggulu ne litonnyesa enkuba, ensi n'emeza ebibala byayo.
- 19 Baganda bange, omuntu yenna mu mmwe bw'akyamanga okuva mu mazima, omuntu n'amala amukyusa,
- 20 ategeerenga ng'akyusa alina ebibi mu bukyamu obw'ekkubo lye alirokola obulamu mu kufa, era alibikka ku bibi bingi.

1 Peetero

Essuula 1

- 1 Peetero, omutume wa Yesu Kristo, eri abalonde abaasaasaana abatambuze ab'omu Ponto, Ggalatiya, Kapadokiya, Asiya ne Bisuniya,
- 2 nga bwe yasooka okutegeera Katonda Kitaffe, mu kutukuza kw'Omwoyo, olw'okugonda n'okumansirwako omusaayi gwa Yesu Kristo: ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli.
- 3 Yeebazibwe Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuzaala omulundi ogw'okubiri, ng'okusaasira kwe okungi bwe kuli, tubeerenga n'essuubi eddamu, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu,
- 4 tuyingire mu busika obutaggwaawo, obutalina kko, obutawotoka, obwabaterekerwa mmwe mu ggulu,
- 5 amaanyi ga Katonda be gakuuma olw'okukkiriza okufuna obulokozi obweteeseteese okubikkulibwa mu biro eby'enkomerero.
- 6 Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira,
- 7 okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe okusinga omuwendo ezaabu eggwaawo, newakubadde ng'egezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okuleeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa:
- 8 gwe mwagala nga temunnaba kumulaba: gwe mutalaba kaakano naye mumukkiriza, ne mujaguza essanyu eritayogerekeka, eririna ekitiibwa:
- 9 nga muweebwa ekyabakkirizisa, bwe bulokozi bw'obulamu.
- 10 Eby'obulokozi obwo bannabbi abaalagulanga eby'ekisa ekyali kigenda okujja gye muli baanoonyanga nnyo ne bakenneenyanga:
- 11 nga banoonya ebiro bwe biri oba bwe bifaanana Omwoyo wa Kristo eyali mu bo bye yalaga, ng'asooka okutegeeza ebibonoobono bya Kristo, n'ekitiibwa ekibigoberera.
- 12 Nabo babikkulirwa nga si ku lwabwe bokka wabula ku lwammwe baawereza ebyo bye mwakajja mubuulirwe kaakano abo abaababuulira enjiri mu Mwoyo Omutukuvu eyatumibwa okuva mu ggulu; bamalayika bye beegomba okulingiza.
- 13 Kale musibenga ebimyu by'amagezi gammwe, mutamiirukukenga, musuubirirenga ddala ekisa ekiribaleeterwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa;
- 14 ng'abaana abagonda, nga temwefaananya okwegomba okw'edda okw'omu butamanya bwammwe:
- 15 naye ng'oyo eyabayita bw'ali omutukuvu era nammwe mubeerenga batukuvu mu mpisa zonna;
- 16 kubanga kyawandiikibwa nti Munaabanga batukuvu; kubanga nze ndi mutukuvu.
- 17 Era bwe mumuyitanga Kitammwe, asala omusango awatali kusaliriza ng'omulimu gwa buli muntu bwe guli, mutambulenga n'entiisa mu biro byammwe eby'okuba abayise:
- 18 nga mumanyi nga temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo, ffeeza oba zaabu, mu mpisa zammwe ezitaliimu ze mwaweewba bajajjammwe;
- 19 wabula n'omusaayi ogw'omuwendo omungi, ng'ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala, ye Kristo:
- 20 eyategeerebwa edda ensi nga tezinnatondebwa, naye n'alabisibwa ku nkomerero y'ebiro ku lwammwe,
- 21 abakkiriza ku bubwe Katonda eyamuzuukiza mu bafu n'amuwa ekitiibwa; okukkiriza kwammwe n'okusuubira biryoke bibeerenga mu Katonda.
- 22 Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima

olw'okwagalanga ab'oluganda okutaliimu bunnanfuusi, mwagalanenga mu mutima n'okufuba okungi:

- 23 bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na nsigo eggwaawo, wabula eteggwaawo, n'ekigambo kya Katonda ekiramu eky'olubeerera.
- 24 Kubanga Omubiri gwonna guli ng'omuddo, N'ekitiibwa kyagwo kyonna kiri ng'ekimuli ky'omuddo. Omuddo guwotoka ekimuli ne kigwa:
- 25 Naye ekigambo kya Mukama kibeerera emirembe n'emirembe. Era ekyo kye kigambo eky'enjiri eky'abajulirwa.

Essuula 2

- 1 Kale muteekenga wala obubi bwonna n'obukuusa bwoma n'obunnanfuusi n'obuggya n'okwogera obubi kwonna,
- 2 ng'abaana abawere abaakajja bazaalibwe, mwegombenga amata ag'omwoyo agatalimu bulimba; galyoke gabakuze okutuuka ku bulokovu
- 3 oba nga rnwalega ku Mukama waffe bw'ali omulungi:
- 4 nga mujja eri oyo, ejjinja eddamu, eryagaanibwa abantu, naye eri Katonda ddonde, lya muwendo mungi,
- 5 era nammwe ng'amayinja amalamu muzimbibwa ennyumba ey'omwoyo okubeeranga bakabona abatukuvu okuwangayo ssaddaaka ez'omwoyo, ezisiimibwa Katonda ku bwa Yesu Kristo.
- 6 Kubanga waliwo mu kyawandiikibwa nti Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja ekkulu ery'oku nsonda, eddonde, ery'omuwendo omungi: Era amukkiriza talikwasibwa nsonyi.
- 7 Kale eri mmwe abakkiriza omuwendo mungi: naye eri abatakkiriza, Ejjinja abazimbi lye baagaana, eryo lye lyafuuka omutwe ogw'oku nsonda;
- 8 era Ejjinja eryesittalwako, era olwazi olusuula; kubanga beesittala ku kigambo nga tebagonda; era kwe baateekerwawo.
- 9 Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo:
- 10 edda abataali ggwanga, naye kaakano muli ggwanga lya Katonda: abaali batasaasirwa, naye kaakano musaasiddwa.
- 11 Abaagalwa, mbeegayirira ng'abayise n'abatambuze, okwewalanga okwegomba kw'omubiri okulwana n'obulamu;
- 12 nga mulina empisa zammwe mu b'amawanga ennungi; nga bwe baboogerako ng'abakola obubi, olw'ebikolwa byammwe ebirungi bye balaba balyoke bagulumize Katonda ku lunaku olw'okulabirwamu.
- 13 Mugonderenga buli kiragiyo ky'abantu ku bwa Mukama waffe: oba kabaka nga ye asinga bonna;
- 14 oba abamasaza, nga ye b'atuma olw'okukangavvulanga abakola obubi, n'olw'okusimanga abakola obulungi.
- 15 Kubanga Katonda bw'ayagala bw'atyo, mmwe okusirisanga obutamanya bw'abantu abasirusiru nga mukola obulungi:
- 16 ng'ab'eddembe, so si ng'abalina eddembe lyammwe olw'okukisa obubi, naye ng'abaddu ba Katonda.
- 17 Mussengamu ekitiibwa abantu bonna. Mwagalenga ab'oluganda. Mutyenga Katonda. Mussengamu ekitiibwa kabaka.
- 18 Abaweereza, mugonderenga bakama bammwe mu kutya kwonna, si balungi bokka n'abawombeefu, naye era n'abakambwe.

- 19 Kubanga kino kye kisiimibwa, omuntu bw' agumiikiriza okulumwa olw' okujjukira Katonda, ng' abonyaabonyezebwa awatali nsonga.
- 20 Kubanga bwe mukola obubi ne mukubibwa empi, bwe muligumiikiriza, ttendo ki? naye bwe mukola obulungi ne mubonyaabonyezebwa, bwe muligumiikiriza, ekyo kye kisiimibwa eri Katonda.
- 21 Kubanga ekyo kye mwayitirwa, kubanga era Kristo yabonyaabonyezebwa ku lwammwe, ng' abalekera ekyokulabirako, mulyoke mutambulirenga mu bigere bye:
- 22 ataakola kibi, newakubadde obukuusa tebwalabika mu kamwa ke:
- 23 bwe yavumibwa, ataavuma nate; bwe yabonyaabonyezebwa, ataakanga; naye yee-waayo eri oyo asala omusango ogw' ensonga:
- 24 eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu; okukubibwa kw' oyo kwe kwabawonya.
- 25 Kubanga mwali mukyama ng' endiga; naye kaakano mukomyewo eri Omusumba era omulabirizi w' obulamu bwammwe.

Essuula 3

- 1 Bwe mutyo, abakazi, mugonderenga babbammwe bennyini; era bwe wabangawo abatakiriza kigambo, balyoke bafunibwenga awatali kigambo olw' empisa z' abakazi baabwe;
- 2 bwe balaba empisa zammwe ennongoofu ez' okutya.
- 3 Obuyonjo bwammwe tebubanga bwa kungulu, obw' okuluka enviiri n' okunaanika ezaabu n' okwambala engoye;
- 4 naye omuntu ow' omwoyo atalabika, mu kyambalo ekitayonooneka, gwe mwoyo omuwombeefu omuteefu, gwe gw' omuwendo omungi mu maaso ga Katonda.
- 5 Kubanga bwe batyo edda era n' abakazi abatukuvu, abaasuubiranga Katonda, bwe beeyonjanga, nga bagondera babbaabwe bennyini:
- 6 nga Saala bwe yawulira Ibulayimu, ng' amuyita omwami: nammwe muli baana b' oyo, bwe mukola obulungi ne mutatiisibwa ntiisa yonna yonna.
- 7 Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n' abakazi bammwe n' amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng' ekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika bannammwe ab' ekisa eky' obulamu; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa.
- 8 Eky' enkomerero, mwenna mubeerenga n' emmeeme emu, abasaasiragana, abaagalana ng' ab' oluganda, ab' ekisa, abawombeefu:
- 9 abatawalananga kibi olw' ekibi, oba ekivume olw' ekivume; naye obutafaanana ng' ebyo, abasabira omukisa; kubanga ekyo kye mwayitirwa, mulyoke musikire omukisa.
- 10 Kubanga Ayagala okwegomba obulamu, N' okulaba ennaku ennungi, Aziyizenga olulimi lwe mu bubu, N' emimwa gye giremenga okwogera obukuusa:
- 11 Era yeewalenga obubi, akolenga obulungi; Anoonyenga emirembe, agigobererenga.
- 12 Kubanga amaaso ga Mukama gali ku batuukirivu, N' amatu ge gali eri okusaba kwabwe: Naye obwenyi bwa Mukama buli ku abo abakola obubi.
- 13 Era ani anaabakolanga obubi, bwe munaanyiikiranga obulungi?
- 14 Naye newakubadde nga mubonyaabonyezebwa olw' obutuukirivu, mulina omukisa: era temutyanga kutiisa kwabwe, so temweraliikiriranga;
- 15 naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey' okusuubira okuli mu mmwe, naye n' obuwombeefu n' okutya:
- 16 nga mulina omwoyo omulungi; olw' ebyo bye baboogerako obubi, balyoke

bakwatibwenga ensonyi abavuma empisa zammwe ennungi ez'omu Kristo.

- 17 Kubanga kye kisinga obulungi, Katonda bw'ayagala mu kwagala kwe, mmwe okubonyaabonyezebwa nga mukola obulungi okusinga nga mukola obubi.
- 18 Kubanga era ne Kristo yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, omutuukirivu olw'abatali batuukirivu, atuleete eri Katonda; bwe yattibwa omubiri, naye n'azuukiz-ibwa omwoyo;
- 19 era gwe yagenderamu n'abuulira emyoyo egiri mu kkomera,
- 20 edda abataagonda okugumiikiriza kwa Katonda bwe kwali nga kulindirira mu nnaku za Nuuwa, eryato bwe lyali nga likyasibibwa, emazzi mwe gaalokolera abantu si bangi, gye myoyo omunaana:
- 21 era kaakano ge gaabalokola mmwe mu kifaananyi eky'amazima, kwe kubatizibwa, si kuggyawo mpitambi za mubiri, wabula okuddamu okw'omwoyo omulungi eri Katonda, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo,
- 22 ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, bwe yamala okugenda mu ggulu; bamalayika n'abalina obuyinza n'abaamasaza bwe baatekebwa wansi we.

Essuula 4

- 1 Kale kubanga Kristo yabonyaabonyezebwa mubiri, nammwe mwambalenga ebyokulwanyisa gwe mwoyo ogwo; kubanga abonyaabonyezebwa omubiri ng'amaze okuleka ebibi;
- 2 mulyoke mumale ebiro byammwe ebisigaddeyo nga mukyali mu mubiri, si lwa kwegomba kwa bantu, naye olw'ebyo Katonda by'ayagala.
- 3 Kubanga ebiro ebyayita byayinza okutumala okukolanga ab'amawanga bye baagala, n'okutambuliranga mu bwenzi, okwegomba, okwekamirira omwenge, ebinyumu, obutamiivu, n'okusinza ebifaananyi okw'omuzizo:
- 4 ebyo bye bibeewuunyisa kubanga temuddukira wamu nabo mu bukaba obutalabwanga bwe butyo, nga babavuma:
- 5 abaliwoza ensonga eri oyo eyeeteeseteese okusala omusango gw'abalamu n'abafu.
- 6 Kubanga enjiri kyeyava ebuulirwa era n'abafu, balyoke basalirwe omusango ng'abantu bwe bali mu mubiri, naye babeere abalamu nga Katonda bw'ali mu mwoyo.
- 7 Naye enkomerero ya byonna eri kumpi: kale mwegenderezenga mutamiirukukenga olw'okusaba:
- 8 okusinga byonna nga mulina okwagalananga okungi ennyo mwekka na mwekka: kubanga okwagala kubikka ku bibi bingi:
- 9 nga musembezaganyanga awatali kwemulugunya:
- 10 nga buli muntu bwe yaweebwa ekirabo, nga mukiweereza mwekka na mwekka bwe mutyo, ng'abawanika abalungi ab'ekisa kya Katonda ekitali kimu;
- 11 omuntu yenna bw'ayogeranga, ayogeranga ng'ebiragiyo bya Katonda bwe biri; omuntu yenna bw'aweerezanga, aweerezanga ng'amaanyi Katonda g'amuwa bwe gali: mu byonna Katonda agulumizibwenga ku bwa Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina.
- 12 Abaagalwa, temwewuunyanga olw'okwokebwa okuli mu mmwe, okujja gye muli olw'okubakema, ng'abalabye eky'ekitalo:
- 13 naye, kubanga mussa kimu mu bibonoobono bya Kristo, musanyukenga; era ne mu kubikkulibwa kw'ekitiibwa kye mulyoke musanyuke n'okujaguza.
- 14 Bwe muvumibwanga olw'erinnya lya Kristo, mulina omukisa; kubanga Omwoyo ogw'ekitiibwa era ogwa Katonda atuula ku mmwe.
- 15 Kubanga omuntu yenna ku mmwe tabonyaabonyezebwanga nga mussi, oba mubbi, oba mukozi wa bubu, oba aketta ebya banne:

- 16 naye omuntu yenna bw'abonyaabonyezebwanga nga Omukristaayo, takwatibwanga nsonyi; naye atenderezanga Katonda mu linnya eryo.
- 17 Kubanga obudde butuuse omusango gutandikirwe mu nnyumba ya Katonda: kale, oba nga gusoose gye tuli, enkomerero guliba gutya eri abo abatagondera njiri ya Katonda?
- 18 Era oba nga kizibu omutuukirivu okulokoka, atatya Katonda omwonoonyi alirabikawa?
- 19 Kale n'abo ababonyaabonyezebwa nga Katonda bw'ayagala bamuteresenga Omutonzi omwesigwa, obulamu bwabwe olw'okukola obulungi.

Essuula 5

- 1 Kale mbuulirira abakadde abali mu mmwe nze mukadde munnammwe era omutegeeza w'ebibonoobono bya Kristo, era agabanira awamu ekitiibwa ekigenda okubikkulibwa:
- 2 mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukirabirira si lwa maanyi naye lwa kwagala, nga Katonda bw'ayagala so si lwa kwegombanga amagoba mu bukuusa, naye lwa mwoyo;
- 3 so si ng'abeefuula abaami b'ebyo bye mwateresebwa, naye nga mubeeranga byakulabirako eri ekisibo:
- 4 Era Omusumba omukulu bw'alirabisibwa, muliweebwa engule ey'ekitiibwa ete-wotoka.
- 5 Bwe mutyo, abavubuka, mugonderenga abakadde. Era mwenna mwesibenga obuwombeefu, okuweerezagananga mwekka na mwekka: kubanga Katonda aziyiza ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa.
- 6 Kale mwewombeekenga wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda, alyoke abagulumize ng'obudde buuuse;
- 7 nga mumusindiikiririzanga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateesa ku mwoyo ebigambo byammwe.
- 8 Mutamiirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya.
- 9 oyo mumuziyizenga nga muli banywevu mu kukkiriza kwammwe, nga mumanyi ng'ebibonoobono ebyo bituukirira eri baganda bammwe abali mu nsi.
- 10 Era Katonda ow'ekisa kyonna, eyabayitira ekitiibwa kye ekitaggwaawo mu Kristo, bwe mulimala okubonyaabonyezebwako akaseera akatono, ye yennyini alibatuukiriza, alibanyweza, alibawa amaanyi.
- 11 Oyo aweebwenga obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina.
- 12 Mbaweerezza ebbaluwa mu mikono gya Sirwano ow'oluganda omwesigwa, nga bwe ndowooza, ey'ebigambo ebitono, nga mbabuulirira, ne mbategeeza ng'ekyo kye kisa eky'amazima ekya Katonda; mukinywererengamu.
- 13 Omukyala ali mu Babbulooni mulonde munnammwe abalamusizza; ne Makko mwana wange.
- 14 Mulamusagane n'okunywegera okw'okwagala. Emirembe gibeerenga nammwe mwenna abali mu Kristo.

2 Peetero

Essuula 1

- 1 Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twafuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo;
- 2 ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe;
- 3 kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye;
- 4 ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi ebinene ennyo; olw'ebyo mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda, bwe mwawona okuva mu kuzikirira okuli mu nsi olw'okwegomba.
- 5 Naye era olw'ekyo kyennyini bwe muleeta ku lwammwe okufuba kwonna, ku kukkiriza kwammwe mwongerengako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe okutegeera;
- 6 era ne ku kutegeera kwammwe okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe okutya Katonda;
- 7 era ne ku kutya Katonda kwammwe okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe okwagala.
- 8 Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo.
- 9 Kubanga ataba n'ebyo ye muzibe w'amaaso awunawuna, bwe yeerabira okunaazibwako ebibi bye eby'edda.
- 10 Kale, ab'oluganda, kyemunaavanga mweyongera obweyongezi okufubanga okunyeza okuyitibwa kwammwe n'okulondebwa: kubanga ebyo bwe munaabikolanga, temulyesittala n'akatono:
- 11 kubanga bwe kityo tewalibulawo bugagga mu kuyingira kwammwe mu bwakabaka obutaggwaawo obwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo.
- 12 Kyennaavanga njagala ennaku zonna okubajjukiza ebyo newakubadde nga mubimanyi ne munywerera mu mazima ge mulina.
- 13 Era ndowooza nga kya nsonga, nga nkyali mu nsiisira eno, okubakubirizanga nga mbajjukiza;
- 14 nga mmanyi nga nditera , okwambula amangu ensiisira yange, era nga Mukama waffe Yesu Kristo bwe yantegeeza.
- 15 Naye era nnaafubanga okubayinzisa buli kaseera nga mmaze okufa okujjukiranga ebyo.
- 16 Kubanga tetwagoberera ngero ezaagunjibwa n'amagezi bwe twabategeeza obuyinza n'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe.
- 17 Kubanga yaweebwa Katonda Kitaffe ettendo n'ekitiibwa, eddoozi bwe lyava mu kitiibwa ekimasamasa ne lijja gy'ali bwe liti nti Ono ye Mwana wange omwagalwa, gwe nsanyukira ennyo:
- 18 n'eddoozi eryo ffe ne tuliwulira nga liva mu ggulu, bwe twali awamu naye ku lusozi olutukuvu.
- 19 Era ekisinga obunywevu tulina ekigambo kya bannabbi; mukola bulungi okukiraba ekyo, ng'ettabaaza eyakira mu kifo eky'ekizikiza, okutuusa obudde bwe bulikya emmunyeenye ekeesa obudde n'eyaka mu mitima gyammwe:
- 20 nga mumaze okutegeera kino, nti buli kigambo ekya bannabbi ekyawandiikibwa tekitegeeza kukoma kw'oyo yekka.
- 21 Kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu:

naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu.

Essuula 2

- 1 Naye era ne wabaawo ne bannabbi b'obulimba mu ggwanga, era nga ne mu mmwe bwe waliba abayigiriza b'obulimba, abaliyingiza mu nkiso obukyamu obuzikiriza, era nga beegaana ne Mukama waabwe eyabagula, nga beereetera okuzikirira okwangu.
- 2 Era bangi abaligoberera obukaba bwabwe; abalivumisa ekkubo ery'amazima.
- 3 Era olw'okwegomba balibaviisaamu amagoba n'ebigambo ebyagunjibwa: omusango gw'abo okuva edda tegulwa, n'okuzikirira kwabwe tekubongoota.
- 4 Kuba oba nga Katonda teyasonyiwa bamalayika bwe baayonona, naye n'abasuula mu lukonko n'abawaayo eri obunnya obw'ekizikiza, okubakuumira omusango;
- 5 era n'atasonyiwa nsi ey'edda, naye n'awonya Nuuwa, omubuulizi w'obutuukirivu, ne banne omusanvu bokka, bwe yaleeta amataba ku nsi ey'abatatya Katonda:
- 6 era bwe yasirissa ebibuga Sodomu ne Ggomola n'abisalira omusango ng'abizikiriza ng'abifuula ekyokulabirako eri abo abatalitya Katonda;
- 7 era n'alokola Lutti omutuukirivu, bwe yali nga yeeraliikirira nnyo olw'empisa ez'obukaba ez'ababi
- 8 (kubanga omuntu oyo omutuukirivu, bwe yatuulanga mu bo, olw'okulaba n'olw'okuwulira yanyolwanga mu mwoyo gwe omutuukirivu bulijjo bulijjo olw'ebikolwa byabwe eby'obujeemu):
- 9 Mukama waffe amanyi okulokola abatya Katonda mu kukembwa, n'okukuuma abatali batuukirivu nga babonerezebwa okutuusa ku lunaku olw'omusango;
- 10 naye okusinga bonna abatambula okugoberera omubiri mu kwegomba okw'obugwagwa ne banyooma okufugibwa. Abatatya, abakakanyavu, tebakankana kuvuma ba kitiibwa:
- 11 naye bamalayika, newakubadde nga be basinga amaanyi n'obuyinza, tebabaleetako musango gwa buvumi eri Mukama waffe.
- 12 Naye abo, ng'ensolo ezitaliaa magezi ezizaalibwa ensolo obusolo ez'okukwatibwanga n'okuzikirizibwanga, abavuma mu bigambo bye batategera, mu kuzikirira kwabwe tebalirema kuzikirizibwa,
- 13 nga boononebwa, ye mpeera ey'okwonoona; abalowooza ebinyumu by'emisana nga ssanyu, mabala n'obwonoonefu, abatiguka mu mbaga zaabwe ez'okwagalana nga balya embaga awamu nammwe:
- 14 nga balina amaaso agajjudde obwenzi, agataleka kwonoona; nga basendasenda emyooyo egitali minywevu; nga balina omutima ogwamanyiira okwegomba; abaana ab'okukolimirwa;
- 15 abaleka ekkubo eggolokofu ne bakyama, nga bagoberera ekkubo lya Balamu omwana wa Beyoli, eyayagala empeera ey'obutali butuukirivu;
- 16 naye n'anyezzebwa olw'obujeemu bwe ye: endogoyi eteyogera bwe yayogera n'eddoboozi ly'omuntu yaziyiza eddaluma lya naabbi.
- 17 Abo ze nzizi ezitaliimu mazzi, era lwe lufu olutwalibwa n'embuyaga, abakuumirwa ekizikiza ekikutte zigizigi.
- 18 Kubanga, bwe boogera ebigambo ebikulu ennyo ebitaliimu, basendasenda mu kwegomba kw'omubiri, mu bukaba, abo abali okumpi n'okubadduka abatambulira mu bukyamu;
- 19 nga babasuubiza okuweebwa eddembe, nga bo bennyini baddu ba kuzikirira; kubanga omuntu bw'awangulibwa munne, era abeera muddu we.
- 20 Kuba oba nga bwe bamala okudduka okuva mu bugwagwa bw'ensi mu kutegeerera

ddala Mukama waffe era Omulokozi Yesu Kristo, naye ne beegombeza mu obwo omulundi ogw'okubiri ne bawangulibwa eby'oluvaanyuma byabwe bisinga obubi eby'olubereberye.

- 21 Kubanga kyandibadde kirungi gye bali singa tebaategeera kkubo lya butuukirivu, okusinga, bwe bamala okulitegeera, okudda ennyuma okuleka ekiragiro ekitukuvu kye baaweebwa.
- 22 Kyabatuukirira ng'olugero olw'amazima bwe luli, nti Embwa eddidde ebisesemye byayo, n'embizzi enaazibbwa eddidde okwekulukuuaya mu bitosi.

Essuula 3

- 1 Abaagalwa, kaakano eno ye bbaluwa ey'okubiri gye mbawandiikira; mu ezo zombi mbakubiriza amagezi gammwe agataliimu bukuusa nga mbajjukiza;
- 2 okujjukiranga ebigambo ebyayogerwa edda bannabbi abatukuvu, n'ekiragiro ky'abatume bammwe eky'a Mukama waffe era Omulokozi:
- 3 nga mumaze okusooka okutegeera kino, nga mu nnaku ez'oluvannyuma abasekerezi balijja n'okusekerera, nga batambula okugobereranga okwegomba kwabwe bo
- 4 ne boogera nti Okusuubiza kw'okujja kwe kuli luuyi wa? Kubanga, bajjajjaffe kasookedde beebaka, byonna bibeera bwe bityo nga bwe byabanga okuva ku kutondebwa.
- 5 Kubanga beerabira kino nga balaba, ng'edda waaliwo eggulu, n'ensi eyava mu mazzi era yali wakati mu mazzi, olw'ekigambo kya Katonda,
- 6 ensi ey'edda amazzi kyegaava gagisaanyaawo n'ezikirira:
- 7 naye eggulu erya kaakano n'ensi olw'ekigambo ekyo biterekeddwa omuliro, nga bikuumibwa okutuusa ku lunaku olw'omusango n'okuzikirira kw'abantu abataty'a Katonda.
- 8 Naye kino kimu temukyerabiranga, abaagalwa, nga eri Mukama waffe olunaku olumu luli ng'emyaka olukumi, n'emyaka olukumi giri ng'olunaku olumu.
- 9 Mukama waffe talwisa kye yasubiza, ng'abalala bwe balowooza okulwa; naye agumiikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenyanya.
- 10 Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja nga mubbi; eggulu lwe lirivaawo n'okuwuma okunene n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwokebwa okungi, n'ensi n'ebikolwa ebirimu birisirikka.
- 11 Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, mugwanidde kubeeranga mutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda,
- 12 nga musuubira nga mwegomba nnyo olunaku lwa Katonda okutuuka, olulisaanusisa eggulu nga lyokebwa, n'ebintu eby'obuwangwa ne biseebengerera olw'ebbugumu eringi?
- 13 Naye nga bwe yasubiza tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula.
- 14 Kale, abaagalwa, kubanga musuubira ebyo, mufubenga okusangibwa mu mirembe nga temulina bbala newakubadde omusango mu maaso ge.
- 15 Era mulowoozenga ng'okugumiikiriza kwa Mukama waffe bwe bulokozi, era nga muganda waffe omwagalwa Pawulo mu magezi ge yaweebwa bwe yabawandiikira;
- 16 era nga mu bbaluwa ze zonna, ng'ayogera ku ebyo mu zo; omuli ebimu ebizibu okutegeera, abatamanyi n'abatali banywevu bye banyoola, era nga n'ebyawandiikibwa ebirala, olw'okuzikirira kwabwe bo.
- 17 Kale, abaagalwa, kubanga musoose okutegeera, mwekuumanga muleme okugwa okuva mu bunywevu bwammwe mmwe nga mutwalibwa obukyamu bw'ababi.

- 18** Naye mukulire mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano era n'okutuusa ku lunaku olw'emirembe n'emirembe. Amiina.

1 Yokaana

Essuula 1

- 1 Ekyabaawo okuva ku lubereberye; kye twawulira, kye twalaba n'amaaso gaffe, kye twatunuulira, era engalo zaffe kye zaakwatako, ebya Kigambo eky'obulamu
- 2 (n'obulamu bwalabisibwa, ne tulaba, era tutegeeza, era tububuulira mmwe obulamu obwo obutaggwaawo, obwabaawo awali Kitaffe ne bulabisibwa gye tuli);
- 3 kye twalaba ne tuwulira, kye tubabuulira nammwe, nammwe mulyoke musse ekimu naffe; era naye okussa ekimu kwaffe kuli ne Kitaffe era n'Omwana we Yesu Kristo;
- 4 n'ebyo tubiwandiika ffe, essanyu lyaffe liryoke lituukirire.
- 5 Ne kino kye kigambo kye twawulira ekyava mu ye era kye tubuulira mmwe, nga Katonda gwe musana, so mu ye ekizikiza temuli n'akatono.
- 6 Bwe twogera nga tussa kimu naye ne tutambuliranga mu kizikiza, tulimba ne tutakola mazima;
- 7 naye bwe tutambulira mu musana, nga ye bw'ali mu musana; tussa kimu fekka na fekka, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we gutunaazaako ekibi kyonna.
- 8 Bwe twogera nga tetulina kibi, twekyamya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe.
- 9 Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.
- 10 Bwe twogera nga tetwonoona, tumufuula mulimba, so nga n'ekigambo kye tekiri mu ffe.

Essuula 2

- 1 Baana bange abato, mbawandiikidde ebyo mulemenga okukola ekibi. Era omuntu yenna bw'akola ekibi, tulina Omuwolereza eri Kitaffe, Yesu Kristo omutuukirivu:
- 2 n'oyo gwe mutango olw'ebibi byaffe; so si lwa bibi byaffe fekka, era naye n'olw'ensi zonna.
- 3 Era ku kino kwe tutegeerera nga tumutedgedde, bwe tukwata ebiragiro bye.
- 4 Ayogera nti Mmutegedde, n'atakwata biragiro bye, ye mulimba, n'amazima tegali mu oyo;
- 5 naye buli akwata ekigambo kye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutuukirizibwa mu oyo. Ku kino kwe tutegeerera nga tuli mu ye:
- 6 ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye bwe yatambula.
- 7 Abaagalwa, sibawandiikira kiragiro kiggya, wabula ekiragiro eky'edda, kye mwalina okuva ku lubereberye; ekiragiro ekyo eky'edda kye kigambo kye mwawulira.
- 8 Nate mbawandiikira ekiragiro ekiggya, ekigambo eky'amazima mu ye ne mu mmwe; kubanga ekizikiza kiggwaawo, n'omusana ogw'amazima kaakano gwaka.
- 9 Ayogera ng'ali mu musana n'akyawa muganda we, ng'akyali mu kizikiza ne kaakano.
- 10 Ayagala muganda we abeera mu musana, era tewali kimwesittaza.
- 11 Naye akyawa muganda we ali mu kizikiza, era atambulira mu kizikiza, so nga tamanyi gy'agenda, kubanga ekizikiza kyamuziba amaaso.
- 12 Mbawandiikira mmwe, abaana abato, kubanga ebibi byammwe bibasoniyiddwa olw'erinnya lye.
- 13 Mbawandiikira mmwe, abakadde, kubanga mutegedde oyo eyabaawo okuva ku lubereberye. Mbawandiikira mmwe, abavubuka, kubanga muwangudde omubi. Mbawandiikidde mmwe, abaana abato, kubanga mutegedde Kitaffe.
- 14 Mbawandiikidde mmwe, abakadde, kubanga mutegedde oyo eyabaawo okuva ku

lubereberye. Mbawandiikidde mmwe, abavubuka, kubanga mulina amaanyi, n'ekigambo kya Katonda kibeera mu mmwe, era muwangudde omubi.

- 15 Temwagalanga nsi newakubadde ebiri mu nsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Kitaffe tekuba mu ye.
- 16 Kubanga buli ekiri mu nsi, okwegomba kw'omubiri, n'okwegomba kw'amaaso, n'okwegulumiza kw'obulamu okutaliimu, tebiva eri Kitaffe, naye biva eri ensi.
- 17 Era ensi eggwaawo, n'okwegomba kwayo; naye akola Katonda by'ayagala abeerera emirembe egitaggwaawo.
- 18 Abaana abato, kye kiseera eky'enkomerero, era nga bwe mwawulira ng'omulabe wa Kristo ajja, ne kaakano waliwo abalabe ba Kristo bangi; kyetuva tutegeera nga kye kiseera eky'enkomerero.
- 19 Baava mu ffe, naye tebaali b'ewaffe; kuba singa baali b'ewaffe, bandibadde wamu naffe; naye baatuvamu era balabisibwe bonna nga si b'ewaffe.
- 20 Nammwe mufukibwako amafuta eri Omutukvu, era mumanyi byonna.
- 21 Sibawandiikidde kubanga temumanyi mazima, naye kubanga mugamanyi, era kubanga tewali bulimba obuva mu mazima.
- 22 Omulimba ye ani wabula oyo agaana nga Yesu si ye Kristo? Oyo ye mulabe wa Kristo, agaana Kitaffe n'Omwana.
- 23 Buli muntu yenna agaana Omwana, ne Kitaffe nga tali naye; ayatula Omwana, ne Kitaffe ali naye.
- 24 Mmwe kye mwawulira okuva ku lubereberye kibeerenga mu mmwe. Kye mwawulira okuva ku lubereberye bwe kinaabeeranga mu mmwe, nammwe munaabeeranga mu Mwana ne mu Kitaffe.
- 25 Na kuno kwe kusuubiza kwe yatusuubiza, obulamu obutaggwaawo.
- 26 Ebyo mbawandiikidde olw'ebigambo by'abo abakyanya.
- 27 Nammwe okufukibwako amafuta kwe mwaweebwa ye kubeera mu mmwe, so temwe-taaga muntu yenna okubayigirizanga; naye ng'okufuka kwe okw'amafula bwe kubayigiriza mu bigambo byonna, era kwa mazima so si bulimba, era nga bwe kwabayigiriza, mubeerenga mu ye.
- 28 Ne kaakano, abaana abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensanyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja kwe.
- 29 Oba nga mumanyi nga mutuukirivu, era mutegeera nga buli muntu yenna akola obutuukirivu yazaalibwa ye.

Essuula 3

- 1 Mulabe okwagala bwe kuli okunene Kitaffe kwe yatuwa, ffe okuyitibwanga abaana ba Katonda; era bwe tuli. Ensi kyeva erema okututegeera, kubanga teyamutegeera ye.
- 2 Abaagalwa, kaakano tuli baana ba Katonda, so tekinnalabisibwa kye tuliba. Tumanyi nti bw'alirabisibwa tulifaanana nga ye; kubanga tulimulaba nga bw'ali.
- 3 Era buli muntu yenna alina essubi eryo mu ye yeetukuza ng'oyo bw'ali omutukuvu.
- 4 Buli muntu yenna akola ekibi, akola n'obujeemu; era ekibi bwe bujeemu.
- 5 Era mumanyi ng'oyo yalabisibwa era aggyewo ebibi; ne mu ye temuli kibi.
- 6 Buli muntu yenna abeera mu ye takola kibi: buli muntu yenna akola ekibi nga tamulabangako, so tamutegeera.
- 7 Abaana abato, omuntu yenna tabakyamyanga; akola obutuukirivu ye mutuukirivu, nga ye bw'ali omutuukirivu;
- 8 akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva ku lubereberye Setaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani.
- 9 Buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi, kubanga ensigo ye ebeera mu ye;

so tayinza kukola kibi, kubanga yazaalibwa Katonda.

- 10 Ku kino abaana ba Katonda n'abaana ba Setaani kwe balabikira: buli muntu yenna atakola butuukirivu si wa Katonda, newakubadde atayagala muganda we.
- 11 Kubanga kino kye kigambo kye mwawulira okuva ku lubereberye ffe okwagalananga
- 12 si nga Kayini bwe yali ow'omubi n'atta muganda we. Era yamuttira ki? kubanga ebikolwa bye byali bibi n'ebya muganda we bituukirivu.
- 13 Temwewuunyanga, ab'oluganda, ensi bw'ebakyawanga.
- 14 Ffe tumanyi nga twava mu kufa ne tuyingira mu bulamu, kubanga twagala ab'oluganda. Atayagala abeera mu kufa.
- 15 Buli muntu yenna akyawa muganda we ye mussi; era mumanyi nga tewali mussi alina obulamu obutaggwaawo nga bubeera mu ye.
- 16 Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe: naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda.
- 17 Naye buli alina ebintu eby'omu nsi, n'atunuulira muganda we nga yeetaaga, n'amuggalirawo emmeeme ye, okwagala kwa Katonda kubeera kutya mu ye?
- 18 Abaana abato, tuleme okwagalanga mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikulwa ne mu mazima.
- 19 Ku kino kwe tunaategeereranga nga tuli ba mazima ne tukkakkanya omutima gwaffe mu maaso ge,
- 20 mu buli kigambo omutima gwaffe kye gutusalira okutusinga; kubanga Katonda asinga obukulu omutima gwaffe, era ategeera byonna.
- 21 Abaagalwa, omutima bwe gutatusalira kutusinga, tuba n'obugumu eri Katonda;
- 22 era buli kye tusaba akituwa, kubanga tukwata ebiragiyo bye era tukola ebisiimibwa mu maaso ge.
- 23 Na kino kye kiragiyo kye, tukkirize erinnya ly'Omwana we Yesu Kristo, era twagalanenga, nga bwe yatuwa ekiragiyo.
- 24 Era akwata ebiragiyo bye abeera mu ye, naye mu ye. Era ku kino kwe tutegeerera ng'abeera mu ffe, olw'Omwoyo gwe yatuwa.

Essuula 4

- 1 Abaagalwa, temukkirizanga buli mwoyo, naye mukemenga emyoyo, oba nga gyava eri Katonda: kubanga bannabbi ab'obulimba bangi abafuluma mu nsi.
- 2 Mutegeererenga ku kino Omwoyo gwa Katonda: buli mwoyo ogwatula nga Yesu Kristo yajja mu mubiri nga guvudde eri Katonda:
- 3 na buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda: era ogwo gwe mwoyo gw'omulabe wa Kristo, gwe mwawulira nga gujja, era kaakano gumaze okuba mu nsi.
- 4 Mmwe muli ba Katonda, abaana abato, era mwabawangula: kubanga ali mu mmwe asinga obukulu ali mu nsi.
- 5 Abo ba nsi: kyebava boogera eby'ensi, ensi n'ebawulira.
- 6 Ffe tuli ba Katonda: ategeera Katonda atuwulira ffe; atali wa Katonda tatuwulira. Ku ekyo kwe tutegeerera omwoyo ogw'amazima n'omwoyo ogw'Obukyamu.
- 7 Abaagalwa, twagalanenga: kubanga okwagala kuva eri Katonda; na buli muntu yenna ayagala yazaalibwa Katonda era ategeera Katonda.
- 8 Atayagala tategeera Katonda; kubanga Katonda kwagala.
- 9 Ku kino okwagala kwa Katonda kwe kwalabisibwa gye tuli, kubanga Katonda yatuma mu nsi Omwana we eyazaalibwa omu tulyoke tube abalamu ku bw'oyo.
- 10 Mu kino mwe muli okwagala, so si nga ffe twayagala Katonda, naye nga ye yatwagala ffe, n'atuma Omwana we okuba omutango olw'ebibi byaffe.
- 11 Abaagalwa, nga Katonda bwe yatwagala bw'atyo, naffe kitugwanira okwagalananga.

- 12 Tewali eyali alabye ku Katonda wonna wonna: bwe twagalana, Katonda abeera mu ffe, n'okwagala kwe nga kutuukiridde mu ffe:
- 13 ku kino kwe tutegeerera nga tubeera mu ye, naye mu ffe, kubanga yatuwa ku Mwoyo gwe.
- 14 Naffe twalaba era tutegeeza nga Kitaffe yatuma Omwana we okuba Omulokozi w'ensi.
- 15 Buli ayatula nga Yesu ye Mwana wa Katonda, Katonda abeera mu ye, naye mu Katonda.
- 16 Nate twategeera era twakkiriza okwagala Katonda kw'alina gye tuli. Katonda kwagala; n'oyo abeera mu kwagala abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye.
- 17 Mu ekyo okwagala mwe kutuukirizibwa gye tuli, tubeere n'obugumu ku lunaku olw'omusango; kuba ye nga bw'ali, naffe bwe tuli mu nsi muno.
- 18 Temuli kutya mu kwagala, naye okwagala okutuukirivu kugobera ebweru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezebwa; n'oyo atya tannatuukirizibwa mu kwagala.
- 19 Ffe twagala, kubanga ye yasooka okutwagala ffe.
- 20 Omuntu bw'ayogera nti Njagala Katonda, n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala.
- 21 Era tulina ekiragiro kino ekyava gy'ali, ayagala Katonda ayagalenga ne muganda we.

Essuula 5

- 1 Buli muntu yenna akkiriza nga Yesu ye Kristo, ng'azaaliddwa Katonda: na buli ayagala eyazaala ayagala n'oyo gwe yazaala.
- 2 Ku ekyo kwe tutegeerera nga twagala abaana ba Katonda, bwe twagala Katonda ne tukola ebiragiro bye.
- 3 Kubanga kuno kwe kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye: era ebiragiro bye tebizitowa.
- 4 Kubanga buli ekyazaalibwa Katonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe.
- 5 Era awangula ensi ye ani, wabula akkiriza nga Yesu ye Mwana wa Katonda?
- 6 Oyo ye yajja n'amazzi n'omusaayi, Yesu Kristo; si na mazzi gali gokka, naye n'amazzi gali n'omusaayi guli.
- 7 Era Omwoyo yategeeza, kubanga Omwoyo ge mazima.
- 8 Kubanga abategeeza basatu, Omwoyo n'amazzi n'omusaayi; era abasatu abo bagendera wamu.
- 9 Bwe tukkiriza okutegeeza kw'abantu, okutegeeza kwa Katonda kwe kusinga obukulu: kubanga okutegeeza kwa Katonda kwe kuno nti ategeezizza eby'Omwana we.
- 10 Akkiriza Omwana wa Katonda alina okutegeeza mu ye; atakkiriza Katonda ng'amufudde mulimba; kubanga takkiriza kutegeeza Katonda kw'ategeezizza eby'Omwana we.
- 11 Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu Mwana we.
- 12 Alina Omwana alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.
- 13 Ebyo mbiwandiikidde mmwe, mumanye nga mulina obulamu obutaggwaawo, mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda.
- 14 Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira:
- 15 era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.

- 16** Omuntu yenna bw'alabanga muganda we ng'akola ekibi ekitali kya kufa, anaasabanga, ne Katonda anaamuweeranga obulamu abo abakola ekibi ekitali kya kufa. Waliwo ekibi eky'okufa: ekyo si kye njogerako okukyegayiririranga
- 17** Buli ekitali kya butuukirivu kibi: era waliwo ekibi ekitali kya kufa.
- 18** Tumanyi nga buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi; naye eyazaalibwa Katonda amukuuma, omubi n'atamukomako.
- 19** Tumanyi nga tuli ba Katonda, n'ensi yonna eri mu bubi.
- 20** Era tumanyi nga Omwana wa Katonda yajja n'atuwa amagezi n'okutegeera tutegeera ow'amazima, era tuli mu oyo ow'amazima, mu Mwana we Yesu Kristo. Oyo ye Katonda ow'amazima, n'obulamu obutaggwaawo.
- 21** Abaana abato, mwekuumenga ebifaananyi.

2 Yokaana

Essuula 1

- 1 Nze omukadde mpandiikira omukyala omulonde n'abaana be nze be njagala mu mazima; so si nze nzekka, era naye ne bonna abategeera amazima;
- 2 olw'amazima agabeera mu ffe, era aganaabeeranga naffe emirembe n'emirembe:
- 3 ekisa, okusaasira, emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe n'eri Yesu Kristo Omwana wa Kitaffe, binaabeeranga naffe mu mazima n'okwagala.
- 4 Nsanyuse nnyo kubanga nnasanga abamu ku baana bo nga batambulira mu mazima, nga bwe twaweebwa Kitaffe ekiragiro.
- 5 Era kaakano nkwegayirira, omukyala, si ng'akuwandiikira ekiragiro ekiggya wabula kye twalina okuva ku lubereberye, twagalanenga fekka na fekka.
- 6 Na kuno kwe kwagala okutambuliranga mu biragiro bye. Ekyo kye kiragiro, nga bwe mwawulira okuva ku lubereberye mulyoke mokitambulirengamu.
- 7 Kubanga abalimbalimba bangi abafulumu mu nsi, abatayatula Yesu Kristo ng'ajja mu mubiri. Oyo ye mulimbalimba oli era omulabe oli owa Kristo.
- 8 Mwekumenga muleme okubulwa emirimu gye twakola, naye muweebwe empeera ennamba.
- 9 Buli muntu ayitirira n'atabeera mu kuyigiriza kwa Kristo talina Katonda: abeera mu kuyigiriza okwo, oyo alina Kitaffe era n'Omwana.
- 10 Omuntu yenna bw'ajjanga gye muli n'ataleeta kuyigiriza okwo temumusembezanga mu nnyumba, so temumulamusanga:
- 11 kubanga amulamusa assa ekimu naye mu bikolwa bye ebibi.
- 12 Newakubadde nga nnina ebigambo bingi okubawandiikira, ssaagala kubiwandiika ku lupapula ne bwino: naye nsuubira okujja gye muli, n'okwogera akamwa n'akamwa, essanyu lyammwe liryoke lituukirire.
- 13 Abaana ba muganda wo omulonde bakulamusizza.

3 Yokaana

Essuula 1

- 1 Nze omukadde mpadiikira Gayo omwagalwa, gwe njagala mu mazima.
- 2 Omwagalwa, nsaba obeerenga bulungi mu bigambo byonna era obeerenga n'obulamu, ng'omwoyo gwo bwe gubeera obulungi.
- 3 Kubanga nnasanyuka nnyo ab'oluganda bwe bajja ne bategeeza amazima go, nga ggwe bw'otambulira mu mazima.
- 4 Ssirina ssanyu lingi erisinga lino, okuwulira abaana bange nga batambulira mu mazima.
- 5 Omwagalwa, gya bwesigwa emirimu gyo gyonna gyonna gy'okolera ab'oluganda era abagenyi;
- 6 abaategeeza okwagala kwo mu maaso g'ekkanisa; abo bw'onoobatambuzanga nga Katonda bw'asaanira, onookolanga bulungi:
- 7 kubanga baavaayo olw'Erinnya nga tebaweereddwa kintu ba mawanga.
- 8 Kale kitugwanidde okusembezanga abali ng'abo tulyoke tukolenga omulimu gumu n'amazima.
- 9 Nnawandiikira ekkkanisa ekigambo: naye Diyotuleefe ayagala okubeera omukulu waabwe tatukkiriza.
- 10 Bwe ndijja kyendiva njjukiza abantu ebikolwa bye by'akola ng'ayogera ku ffe ebigambo ebibi ebitaliimu: so ebyo tebimumala, naye era ye yennyini tasembeza ba luganda, era n'abaagala okubasembeza abaziyiza n'abagoba mu kkanisa.
- 11 Omwagalwa, togobereranga kibi, wabula ekirungi. Akola obulungi ye wa Katonda: akola obubi nga talabanga Katonda.
- 12 Demeteriyo asiimibwa bonna, era n'amazima gennyini: era naffe tutegeeza; naawe omanyi ng'okutegeeza kwaffe kwa mazima.
- 13 Nnalina ebigambo bingi okukuwandiikira, naye saagala kukuwandiikira na bwino na kkalaamu:
- 14 naye nsuubira okukulaba amangu, tulyogera akamwa n'akamwa. Emirembe gibenga gy'oli. Ab'omukwano bakulamusizza. Lamusa ab'omukwano ng'amannya gaabwe bwe gali.

Yuda

Essuula 1

- 1 Yuda, omuddu wa Yesu Kristo, era muganda wa Yakobo, eri abo abayitibwa, abaa-galwa mu Katonda Kitaffe, era abakuumirwa Yesu Kristo:
- 2 okusaasira n'emirembe n'okwagala byongerwengako gye muli.
- 3 Abaagalwa, bwe nnali nga nfuba okubawandiikira eby'obulokozi bwaffe fenna, nnawalirizibwa okubawandiikira okubabuulirira okuwakaniranga ennyo okukkiriza abatukuvu kwe baaweebwa omulundi ogumu.
- 4 Kubanga waliwo abantu abayingira nga basensera abaawandiikirwa edda omusango guno, abatatya Katonda, abakyusa ekisa kya Katonda waffe okuba obukaba, ne bee-gaana Yesu Kristo, ye Mwami ye Mukama waffe omu yekka.
- 5 Naye njagala okubajjukiza, newakubadde nga byonna mwabimanya omulundi gumu, nga Mukama, bwe yamala okulokola abantu mu nsi y'e Misiri, oluvannyuma n'aziki-riza abatakkiriza.
- 6 Ne bamalayika abataakuuma bukulu bwabwe bo, naye ne baleka ekifo kyabwe bo bennyini, abakuumira mu njegere ez'ennaku zonna wansi w'ekizikiza olw'omusango ogw'oku lunaku olukulu.
- 7 Nga Sodomu ne Ggomola n'ebibuga ebyaliraanawo, bwe byayendera ddala okwenkana nabo ne bikyama okugobereranga omubiri omulala, byateekebwawo okuba ekyokulabirako, nga bibonerezebwa n'omusango ogw'omuliro ogutaggwaawo.
- 8 Naye era benkana nabo mu kulootaloota kwabwe nga basiiga omubiri empitambi era bagaana obukulu, era bavuma ab'ekitiibwa.
- 9 Naye Mikaeri, malayika omukulu, bwe yayomba ne Setaani n'ayogera naye olw'omu-biri gwa Musa, teyayaanga kumuleetako musango gwa kuvuma, naye yagamba nti Mukama akunyenye.
- 10 Naye abo bye batamanya byonna babivuma: bye bamanya mu buzaaliranwa ng'ensolo ezitalina magezi mu ebyo bazikirira.
- 11 Zibasanze! kubanga batambulira mu kkubo lya Kayini, ne baddukanira mu kukyama kwa Balamu olw'empeera, ne babuulira mu kuwakana kwa Koola.
- 12 Bano ge mayinja agatalabika mu mbaga zammwe ez'okwagalana bwe balya nammwe, abasumba abeerunda bokka awatali kutya; ebire ebitaliimu mazzi nga bitwalibwa empewo; emiti egiwaatula, egitalina bibala, egyafa awabiri, egyakuulibwa n'emimizi;
- 13 amayengo ag'omu nnyanja ageefuukuula, agabimba ejjovu ze nsonyi zaabwe bo; emmunyeeenye ezikyama eziterekeddwa ekizikiza ekikutte ennyo emirembe n'emirembe.
- 14 Era abo yabalagulako Enoki, ow'omusanvu okuva ku Adamu, ng'ayogera nti Laba, Mukama yajja n'abatukuvu be kakumi,
- 15 okuleeta omusango ku bonna, n'okusinza omusango bonna abatatya Katonda olw'ebikolwa byabwe byonna bye bakoledde mu butatya Katonda, n'olw'ebigambo byabwe byonna ebikakanyavu aboononyi abatatya Katonda bye bamwogeddeko.
- 16 Abo be beemulugunya, be banyiiga, abatambula ng'okwegomba kwabwe bwe kuli (n'akamwa kaabwe koogera ebigambo ebiyinga okukulumbala), nga bassaamu abantu ekitiibwa olw'amagoba.
- 17 Naye mmwe, abaagalwa, mujjukirenga ebigambo ebyayogerwa edda abatume ba Mukama waffe Yesu Kristo;
- 18 bwe baabagamba nti Mu biro eby'oluvannyuma walibaawo abasekerezi abatambula ng'okwegomba kwabwe bo bwe kuli okw'obutatya Katonda.
- 19 Abo be baleeta okwawula, ab'omubiri, abatalina Mwoyo.

- 20** Naye mmwe, abaagalwa, bwe mwezimba ku kukkiriza kwammwe okutukuvu ennyo, nga musaba mu Mwoyo Omutukuvu,
- 21** mwekuumenga mu kwagala kwa Katonda, nga mulindirira okusaasira kwa Mukama waffe Yesu Kristo olw'obulamu obutaggwaawo.
- 22** Era abalala mubasaasirenga ababuusabuusa;
- 23** era abalala mubalokolenga, nga mubakwakkula okubaggya mu muliro; era abalala mubasaasirenga mu kutya; nga mukyawa ekyambalo omubiri kye gwasiiga amabala.
- 24** Naye oyo ayinza okubakuuma obutesittala, n'okubayimiriza mu maaso g'ekitiibwa kye nga temuliiko bulema mu kujaguza,
- 25** Katonda omu yekka Omulokozi waffe, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe, aweebwenga ekitiibwa, obukulu, amaanyi n'obuyinza, edda n'edda ng'emirembe n'emirembe teginnabaawo, kaakano era n'emirembe egitaliggwaawo. Amiina.

Okubikkulirwa

Essuula 1

- 1 Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo Katonda kwe yamuwa okulaga abaddu be ebigwanira okubaawo amangu: n'abuulirira mu malayika we ng'amutuma eri omuddu we Yokaana,
- 2 eyategeeza ekigambo kya Katonda n'okutegeeza kwa Yesu Kristo, byonna bye yalaba.
- 3 Alina omukisa oyo asoma, n'abo abawulira ebigambo by'obunnabbi buno, era n'abakwata ebiwandiikiddwa mu bwo: kubanga ekiseera kiri kumpi.
- 4 Yokaana eri ekkansa omusanvu ez'omu Asiya: ekisa kibeerenga nammwe n'emirembe ebiva eri oyo abaawo era eyabaawo era ajja okubaawo; era ebiva eri emyoyo omusanvu egiri mu maaso g'entebe ye;
- 5 era ebiva eri Yesu Kristo, omujulirwa omwesigwa, omubereberye w'abafu, era afuga bakabaka b'omu nsi. Atwagala, era eyatusumulula mu bibi byaffe olw'omusaayi gwe;
- 6 n'atufuula obwakabaka, bakabona eri Katonda Kitaawe; ekitiibwa n'obuyinza bibeerenga eri oyo emirembe n'emirembe. Amiina.
- 7 Laba, ajja n'ebire era buli liiso lirimulaba, n'abo abaaamufumita; n'ebika byonna eby'omu nsi birimukubira ebiwoobe. Weewaawo, Amiina.
- 8 Nze ndi Alufa ne Omega, bw'ayogera Mukama Katonda, abaawo era eyabaawo era ajja okubaawo, Omuyinza w'ebintu byonna.
- 9 Nze Yokaana muganda wammwe era assa ekimu mu kubonaabona ne mu bwakabaka ne mu kugumiikiriza ebiri mu Yesu, nnali ku kizinga ekiyitibwa Patumo, olw'ekigambo kya Katonda era n'olw'okutegeeza kwa Yesu.
- 10 Nnali mu Mwoyo ku lunaku lwa Mukama ne mpulira ennyuma wange eddoozi ddene, ng'ery'akagombe,
- 11 nga koogera nti Nze Alufa ne Omega, era Ky'olaba, wandiika mu kitabo, okiweereze ekkansa omusanvu; eri Efeso, n'eri Sumuna, n'eri Perugamo, n'eri Suwatira, n'eri Saadi, n'eri Firaderufiya, n'eri Lawodikiya.
- 12 Ne nkyuka okulaba eddoozi eryayogera nange. Bwe nnakyuka, ne ndaba ettabaaza musanvu eza zaabu;
- 13 ne wakati w'ettabaaza ne ndaba afaanana ng'omwana w'omuntu, ng'ayambadde okutuuka ku bigere, era ng'asibiddwa mu kifuba olukoba olwa zaabu.
- 14 N'omutwe gwe n'enviiri ze nga zitukula ng'ebyoya by'endiga ebitukula ng'omuzira; n'amaaso ge ng'ennimi z'omuliro;
- 15 n'ebigere bye nga bifaanana ng'ekikomo ekizigule, ng'ekirongoosebbwa mu muliro; n'eddoozi lye nga liri ng'eddoozi ly'amazzi amangi.
- 16 Era ng'akutte mu mukono gwe ogwa ddyo emmunyeenye musanvu: ne mu kamwa ke ne muvaamu ekitala ekisala eky'obwogi obubiri: n'obwenyi bwe nga buli ng'enjuba bw'eyaka mu maanyi gaayo.
- 17 Bwe nnamulaba, ne ngwa ku bigere bye ng'afudde. N'anteekako omukono gwe ogwa ddyo, ng'ayogera nti Totya; nze w'olubereberye era ow'enkomerero,
- 18 era Omulamu; era nnali nfudde, era, laba, ndi mulamu emirembe n'emirembe, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'eby'Emagombe.
- 19 Kale wandiika by'olabye, n'ebiriwo, n'ebigenda okubaawo oluvannyuma lw'ebyo;
- 20 ekyama ky'emmunyeenye omusanvu z'olabye mu mukono gwange ogwa ddyo n'ettabaaza omusanvu eza zaabu. Emmunyeenye omusanvu be bamalayika b'ekkanisa omusanvu: n'ettabaaza omusanvu ze kkanisa omusanvu.

Essuula 2

- 1 Eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Efeso wandiika nti Bw'ati bw'ayogera oyo akwata emmunyeeeye omusanvu mu mukono gwe ogwa ddyo, atambulira wakati w'ettabaaza omusanvu eza zaabu, nti
- 2 Mmanyi ebikolwa byo, n'okufuba kwo n'okugumiikiriza kwo, era nga toyinza kugumiikiriza babi, era wabakema abeeyita abatume so nga si bo, era wabalaba nga balimba;
- 3 era olina okugumiikiriza, era waguma olw'erinnya lyange, so tewakoowa.
- 4 Naye nnina ensonga ku ggwe, kubanga waleka okwagala kwo okw'olubereberye.
- 5 Kale jjukira gye wagwa, weenenye, okulenga ebikolwa eby'olubereberye; bw'otalikola bw'otyo, njija gy'oli, era ndiggyawo ettabaaza yo mu kifo kyayo, bw'otalyenyanya.
- 6 Naye kino ky'olina kubanga okyawa ebikolwa by'Abanikolayiti, nange bye nkyawa.
- 7 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkkanisa. Awangula ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu, oguli wakati mu lusuku lwa Katonda.
- 8 Era eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Samuna wandiika nti Bw'ati bw'ayogera ow'olubereberye era ow'enkomerero, eyali afudde n'aba omulamu nti
- 9 Mmanyi okubonaabona kwo n'obwavu bwo (naye oli mugagga), n'okuvvoola kw'abo abeeyita Abayudaaya so nga si bo, naye kkuaaniro lya Setaani.
- 10 Totya by'ogenda okubonaabona: laba, omulyolyomi oyo agenda okusuula abamu mu mmwe mu kkomera, mukemebwe; era mulibonaabonera ennaku kkumi. Beeranga mwesigwa okutuusa okufa, nange ndikuwa engule ey'obulamu.
- 11 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkkanisa. Awangula talirumwa n'akatono kufa kwa kubiri.
- 12 Era eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Perugamo wandiika nti Bw'ati bw'ayogera oyo alina ekitala ekisala eky'obwogi obubiri, nti
- 13 Mmanyi gy'otuula awali entebe ey'obwakabaka eya Setaani: era okwata erinnya lyange, so teweeegaana kukkiriza kwange era ne mu nnaku za Antipa, omujulirwa wange omusajja wange omwesigwa, eyattirwa ewammwe, Setaani w'atuula.
- 14 Naye nnina ensonga ku ggwe si nnyingi, kubanga olina eyo abakwata okuyigiriza kwa Balamu, eyayigiriza Balaki okuteeka enkonge mu maaso g'abaana ba Isiraeri, okulya ebyaweebwa eri ebifaananyi n'okwenda.
- 15 Era naawe bw'otyo olina abakwata okuyigiriza kw'Abanikolayiti.
- 16 Kale weenenye; naye bw'otalyenyanya, njija gy'oli mangu, era ndirwana nabo n'ekitala eky'omu kamwa kange.
- 17 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkkanisa. Awangula ndimuwa ku maanu eyakwekebwa, era ndimuwa ejjinja ejjeru, era ku jjinja kuwandiikiddwako erinnya eriggya: omuntu yenna ly'atamanyi wabula aweebwa.
- 18 Era eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Suwatira wandiika nti Bw'ati bw'ayogera Omwana wa Katonda, alina amaaso agali ng'ennimi z'omuliro, n'ebigere bye ebifaanana ng'ekikomo ekizigule, nti
- 19 Mmanyi ebikolwa byo n'okwagala n'okukkiriza n'okuweereza n'okugumiikiriza kwo, n'ebikolwa byo eby'oluvannyuma nga bingi okusinga eby'olubereberye.
- 20 Naye nnina ensonga ku ggwe, kubanga oleka omukazi oli Yezeberi, eyeeyita nnabbi; n'ayigiriza n'akyamya abaddu bange okwendanga, n'okulyanga ebyaweebwa eri ebifaananyi.
- 21 Era nnamuwa ebbanga okwenenya; n'atayagala kwenenya mu bwenzi bwe.
- 22 Laba mmusuula ku kiriri, n'abo abenda naye mu kubonaabona okungi, bwe bateenyanya mu bikolwa bye.

- 23 Era n'abaana be ndibatta n'olumbe; ekkansa zonna ne zitegeera nga nze nzuuyo akebera emmeeme n'emitima : era ndiwa buli muntu mu mmwe ng'ebikolwa byammwe bwe biri.
- 24 Naye mmwe mbagamba, abasigalawo ab'omu Suwatira, bonna abatalina kuyigiriza kuno, abatamanyi bya buziba bya Setaani, nga bwe boogera; sibateekako mmwe mugugu mulala.
- 25 Wabula kye mulina mukikwatenga, okutuusa lwe ndijja.
- 26 Era awangula n'akwatanga ebikolwa byange okutuusa ku nkomerero, oyo ndimuwa amaanyi ku mawanga:
- 27 era alibalunda n'omuggo gw'ekyuma, ng'ebibya ebibumbe bwe byatikayatika; era nange nga bwe nnaweebwa Kitange;
- 28 era ndimuwa emmunyeenye ey'enkya.
- 29 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkansa.

Essuula 3

- 1 Era eri malayika ow'ekkanisa y'omu Saadi wandiika nti Bw'ati bw'ayogera oyo alina emyoyo omusanvu egya Katonda, n'emunyeenye omusanvu, nti Mmanyi ebikolwa byo, ng'olina erinnya ery'okuba omulamu, era oli mufu.
- 2 Tunula, onyweze ebisigaddeyo ebyali bigenda okufa: kubanga ssaalaba ku bikolwa byo ekyatuukirira mu maaso ga Katonda wange.
- 3 Kale jjukira bwe waaweebwa ne bwe wawulira; okwate, weenenye. Kale bw'otali-tunula, ndijja ng'omubbi, so tolimanya ssaawa gye ndijjiramu gy'oli.
- 4 Naye olina amannya matono mu Saadi agataayonoona ngoye zaabwe: era balitambula nange mu ngoye njeru; kubanga basaanidde.
- 5 Bw'atyo awangula alyambazibwa engoye enjeru; so sirisangula n'akatono linnya lye mu kitabo ky'obulamu, era ndyatula erinnya lye mu maaso ga Kitange ne mu maaso ga bamalayika be.
- 6 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkansa.
- 7 Era eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Firaderufiya wandiika nti bw'ati bw'ayogera oyo omutukuvu ow'amazima, alina ekisumuluzo kya Dawudi, aggalawo, so tewali muntu aliggalawo, aggalawo, so tewali muntu aggalawo, nti
- 8 Mmanyi ebikolwa byo (laba, nnateeka mu maaso go oluggi olugguddwawo, omuntu yenna lw'atayinza kuggalawo) ng'olina amaanyi matono n'okwata ekigambo kyange, so tewegaana linnya lyange.
- 9 Laba, ab'omu kkuaaniro lya Setaani abeeyita Abayudaaya, so si bo, naye balimba; laba, ndibaleeta okusinza mu maaso g'ebigere byo era ndibamanyisa nga nnakwagala.
- 10 Kubanga weekuuma ekigambo eky'okugumiikiriza kwange, era nange ndikukuuma obutayingira mu kiseera eky'okukemebwa, ekigenda okujja ku nsi zonna, okukema abatuula ku nsi.
- 11 Njija mangu: nyweza ky'olina, omuntu aleme okutwala engule yo.
- 12 Awangula ndimufuula empagi mu yeekaalu ya Katonda wange, so talifuluma nate bweru: nange ndiwandiika ku ye erinnya lya Katonda wange n'erinnya ly'ekibuga kya Katonda wange, Yersaalemi ekiggya, ekikka okuva mu ggulu eri Katonda wange, n'erinnya lyange eriggya.
- 13 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkansa.
- 14 Era eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Lawodikiya wandiika nti Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa omwesigwa era ow'amazima, olubereberye lw'okutonda kwa Katonda, nti
- 15 Mmanyi ebikolwa byo, nga tonnyogoga so tobuguma: waakiri obe ng'onnyogoga oba

obuguma.

- 16 Bwe kityo kubanga olina ekibuguumirize, so tonnyogoga so tobuguma, ndikusesema mu kamwa kange.
- 17 Kubanga oyogera nti Ndi mugagga, era ngaggawadde, so ssiriiko kye nneetaaga, so tomanyi ng'oli munaku ggwe era asaasirwa era omwavu era omuzibe w'amaaso era ali obwereere:
- 18 nkuweerera amagezi okugula gye ndi ezaabu eyalongoosebwa mu muliro, olyoke ogaggawale, n'engoye enjeru, olyoke oyambale, era ensonyi ez'obwereere bwo zireme okulabika; n'eddagala ery'okusiiga ku maaso go, olyoke olabe.
- 19 Nze bonna be njagala mbanenya, era mbabuulirira: kale nyiikira weenenye.
- 20 Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboosi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.
- 21 Awangula ndimuwa okutuula awamu nange ku ntebe yange ey'obwakabaka, era nga nange bwe nnawangula, ne ntuula wamu ne Kitange ku ntebe ye ey'obwakabaka.
- 22 Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkansa.

Essuula 4

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, era, laba, oluggi olugguddwawo mu ggulu, n'eddo-boozi lye nnasooka okuwulira, ng'ery'akagombe, nga lyogera nange, ng'ayogera nti Linnya okutuuka wano, nange nnaakulaga ebigwanira okubeerawo oluvannyuma lw'ebyo.
- 2 Amangu ago nnali mu Mwoyo: era, laba, entebe ey'obwakabaka yali ng'eteeked-dwawo mu ggulu, era nga waliwo eyali atudde ku ntebe;
- 3 naye eyali atudde yali afaanana ng'ejjinja erya yasepi n'erya sadio okulabika: era nga waliwo ne musoke okwetooloola entebe eyali afaanana nga zumaliidi okulabika.
- 4 Entebe ey'obwakabaka yali yeetooloddwa entebe ez'obwakabaka amakumi abiri mu nnya: ne ku ntebe kwaliko abakadde amakumi abiri mu bana nga batudde, nga bambadde engoye enjeru; ne ku mitwe gyabwe engule eza zaabu.
- 5 Ne ku ntebe nga kuvaako okumyansa n'amaloboozi n'okubwatuuka. N'ettabaaza omusanvu ez'omuliro nga zaaka mu maaso g'entebe, gye myoyo omusanvu egya Katonda;
- 6 ne mu maaso g'entebe ng'ennyanya ey'endabirwamu, efaanana nga kulusitalo; ne wakati w'entebe n'okwetooloola entebe ebiramu bina ebijjudde amaaso mu bwenyi n'ennyuma.
- 7 N'ekiramu eky'olubereberye kyali kifaanana ng'empologoma, n'ekiramu eky'okubiri, ng'ennyana, n'ekiramu eky'okusatu kyalina amaaso ng'ag'omuntu, n'ekiramu eky'okuna kyali kifaanana ng'empungu ebuuka.
- 8 N'ebiramu ebina, nga birina buli kimu ebiwaawaatiro mukaaga, bijjudde amaaso enjuyi zonna ne munda: so tebiriiko kuwummula emisana n'ekiro nga byogera nti Omutukuvu, Omutukuvu, Omutukuvu, Mukama Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, eyabaawo era abaawo era ajja okubaawo.
- 9 Era ebiramu bwe birimuwa ekitiibwa n'ettendo n'okwebaza oyo atudde ku ntebe, omulamu emirembe n'emirembe,
- 10 abakadde amakumi abiri mu bana balivuunama mu maaso g'oyo atudde ku ntebe, era balisinza oyo omulamu emirembe n'emirembe, era balisuula engule zaabwe mu maaso g'entebe, nga boogera nti
- 11 Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza: kubanga ggwe wabitonda byonna, era byabaawo lwa kusiima kwo, era byatondebwa.

Essuula 5

- 1 Ne ndaba mu mukono ogwa ddyo ogw'oyo eyali atudde ku ntebe ekitabo ekiwandi-ikiddwa munda ne kungulu, ekisibiddwa ennyo obubonero omusanvu.
- 2 Ne ndaba malayika ow'amaanyi ng'abuulira n'eddoboozi ddene nti Ani asaanidde okwanjuluza ekitabo n'okubembula obubonero bwakyo omusanvu?
- 3 Ne watabaawo mu ggulu newakubadde ku nsi newakubadde wansi w'ensi, eyayinza okwanjuluza ekitabo, newakubadde okukitunuulira.
- 4 Nange ne nkaaba nnyo amaziga, kubanga tewaalabika eyasaanira okwanjuluza ekitabo, newakubadde okukitunuulira:
- 5 omu ku bakadde n'aamba nti Tokaaba: laba, Empologoma ow'omu kika kya Yuda, ekikolo kya Dawudi, yawangula, okwanjuluza ekitabo n'obubonero bwakyo omusanvu.
- 6 Ne ndaba wakati w'entebe n'ebiramu ebina, ne wakati w'abakadde, Omwana gw'endiga ng'ayimiridde ng'afaanana ng'eyattibwa, ng'alina amayembe musanvu, n'amaaso musanvu, gye myoyo omusanvu egya Katonda, egitumibwa mu nsi zonna.
- 7 N'ajja n'akiggya mu mukono ogwa ddyo ogw'oyo atudde ku ntebe.
- 8 Bwe yatoola ekitabo, ebiramu ebina n'abakadde amakumi abiri mu bana ne bavuu-nama mu maaso g'Omwana gw'endiga, buli muntu ng'alina ennanga n'ebibya ebya zaabu ebijjudde obubaane, kwe kusaba kw'abatukuvu.
- 9 Ne bayimba oluyimba oluggya, nga boogera nti Osaanidde okutoola ekitabo n'okubembula obubonero bwakyo: kubanga wattibwa n'ogulira Katonda olw'omusaayi gwo mu buli kika n'olulimi n'abantu n'eggwanga,
- 10 n'obafuula eri Katonda waffe obwakabaka era bakabona; era bafuga ku nsi.
- 11 Ne ndaba ne mpulira eddoboozi lya bamalayika abangi abeetoolodde entebe n'ebiramu n'abakadde; n'omuwendo gwabwe gwali obukumi emirundi obukumi, mu enkumi emirundi enkumi;
- 12 nga boogera n'eddoboozi ddene nti Asaanidde Omwana gw'endiga eyattibwa okuweebwa obuyinza n'obugagga n'amagezi n'amaanyi n'ettendo n'ekitiibwa n'omukisa.
- 13 Na buli kitonde ekiri mu ggulu, ne ku nsi, ne wansi w'ensi, ne ku nnyanja, n'ebirimu byonna ne mbiwulira byonna nga byogera nti Eri oyo atudde ku ntebe, n'eri Omwana gw'endiga, omukisa gubenga n'ettendo n'ekitiibwa n'amaanyi emirembe n'emirembe.
- 14 N'ebiramu ebina ne byogera nti Amiina. N'abakadde ne bavuu-nama ne basinza.

Essuula 6

- 1 Ne ndaba Omwana gw'endiga bwe yabembula ku bubonero omusanvu ko akamu, ne mpulira ekimu ku biramu ebina nga kyogera ng'eddoboozi ery'okubwatuka nti Jjangu olabe.
- 2 Ne ndaba, era, laba, embalaasi enjeru, n'oyo atuddeko ng'alina omutege; n'aweewba engule: n'agenda ng'awangula, era awangule.
- 3 Bwe yabembula akabonero ak'okubiri, ne mpulira ekiramu eky'okubiri nga kyogera nti Jjangu olabe.
- 4 N'evaayo embalaasi endala eya lukunyu: era oyo eyali atuddeko n'aweewba okug-gyawo emirembe ku nsi, era battiane bokka na bokka: n'aweewba ekitala ekinene.
- 5 Bwe yabembula akabonero ak'okusatu ne mpulira ekiramu eky'okusatu nga kyogera nti Jjangu olabe. Ne ndaba, era, laba, embalaasi enzirugavu; n'eyali atuddeko ng'alina ekigera mu mukono gwe.

- 6 Ne mpulira ng'eddoboozi wakati w'ebiramu ebina nga lyogera nti Ekiyi ky'eaano kya ddinaali, n'ebiyi bisatu ebya sayiri bya ddinaali; amafuta n'omwenge so tobyonoona.
- 7 Bwe yabembula akabonero ak'okuna, ne mpulira eddoboozi ly'ekiramu eky'okuna nga kyogera nti Jjangu olabe.
- 8 Ne ndaba, era, laba, embalaasi eya kyenvu; n'eyali atuddeko, erinnya lye Kufa; ne Magombe n'agenda naye. Ne baweebwa obuyinza ku kitundu eky'okuna eky'ensi, okutta n'ekitala n'enjala n'olumbe n'ensolo z'ensi.
- 9 Bwe yabembula akabonero ak'okutaano, ne ndaba wansi w'ekyoto emyoyo gyabwe abattibwa olw'ekigambo kya Katonda, n'olw'okutegeeza kwe baalina:
- 10 ne boogerera waggulu n'eddoboozi ddene, nga boogera nti Olituusa wa, Mukama, omutukuvu era ow'amazima, obutasala musango n'obutawalana ggwanga olw'omusaayi gwaffe ku bo abatuula ku nsi?
- 11 Ne baweebwa buli muntu ekyambalo ekyeru; ne bagambibwa okuwummula nate akaseera katono, okutuusa baddu bannaabwe ne baganda baabwe lwe baliwera, abagenda okuttibwa, nga nabo bwe battibwa.
- 12 Bwe yabembula akabonero ek'omukaaga, ne ndaba, ne waba ekikankano kinene; enjuba n'eddugala ng'olugoye olw'ebyoya, n'omwezi gwonna ne guba ng'omusaayi;
- 13 n'emmunyeenye ez'omu ggulu ne zigwa ku nsi, ng'omutiini bwe gukunkumula amagu gaagwo, nga gunyeenyezebwa empewo ennyingi.
- 14 N'eggulu ne liggibwawo, ng'omuzingo gw'ekitabo bwe guzingibwa; na buli lusozi n'ekizinga ne biggibwawo mu bifo byabyo.
- 15 ne bakabaka b'ensi, n'abalangira, n'abagabe, n'abagagga, n'ab'amaanyi, na buli muddu n'ow'eddembe ne beekweka mu mpuku ne mu mayinja ag'oku nsozi;
- 16 ne bagamba ensozi n'amayinja nti Mutugweko, mutukise mu maaso g'oyo atudde ku ntebe, ne mu busungu bw'Omwana gw'endiga:
- 17 kubanga olunaku olukulu olw'obusungu bwabwe lutuuse; era ani ayinza okuyimiri-rawo?

Essuula 7

- 1 Oluvannyuma ne ndaba bamalayika bana nga bayimiridde ku nsonda nnya ez'ensi, nga bakutte empewo nnya ez'ensi, empewo yonna ereme okukunta ku nsi, newakubadde ku nnyanja, newakubadde ki muti gwonna.
- 2 Ne ndaba malayika omulala ng'alinnya okuva ebuwanjuba, ng'alina akabonero ka Katonda omulamu: n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene ng'agamba bamalayika abana, abaaweebwa okwonoona ensi n'ennyanja,
- 3 ng'ayogera nti Temwonoona nsi, newakubadde ennyanja, newakubadde emiti, okutu-
usa lwe tulimala okuteeka akabonero abaddu ba Katonda waffe ku byenyi byabwe.
- 4 Ne mpulira omuwendo gwabwe abaatekebwako akabonero, baali kasiriivu mu obukumi buna mu enkumi nnya, abaatekebwako akabonero mu buli kika ky'abaana ba Isiraeri.
- 5 Ab'omu kika kya Yuda abaatekebwako akabonero kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Lewubeeni kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Gaadi kakumi mu enkumi bbiri:
- 6 Ab'omu kika kya Aseri kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Nafutaali kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Manaase kakumi mu enkumi bbiri:
- 7 Ab'omu kika kya Simyoni kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Leevi kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Isakaali kakumi mu enkumi bbiri:
- 8 Ab'omu kika kya Zebbulooni kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Yusufu kakumi mu enkumi bbiri: Ab'omu kika kya Benyamini abaatekebwako akabonero

kakumi mu enkumi bbiri.

- 9 Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina kinene omuntu yenna ky' atayinza kubala, mu buli gwanga n'ebika n'abantu n'ennimi, nga bayimiridde mu maaso g'entebe ne mu maaso g'Omwana gw'endiga, ga bambadde ebyambalo ebyeru, amatabi g'enkindu mu mikono gyabwe;
- 10 ne boogerera waggulu n'eddooboozi ddene, nga boogera nti obulokozi buba bwa Katonda waffe atudde ku ntebe, n'eri Omwana gw'endiga.
- 11 Ne bamalayika bonna baali bayimiridde nga beetooloodde entebe n'abakadde n'ebiramu ebina; ne bavuunama amaaso gaabwe mu maaso g'entebe, ne basinza Katonda,
- 12 nga boogera nti Amiina: omukisa n'ekitiibwa n'amagezi n'okwebaza n'ettendo n'obuyinza n'amaanyi bibenga eri Katonda waffe emirembe n'emirembe. Amiina.
- 13 Omu ku bakadde n'addamu, ng'aamba nti Bano abambadde ebyambalo ebyo ebyeru, be baani, era bava wa?
- 14 Ne mmugamba nti Mukama wange, gw'omanyi. N'aamba nti Bano be baava mu kubonaabona kuli okungi, ne bayoza ebyambalo byabwe, ne babitukuza mu musaayi gw'Omwana gw'endiga.
- 15 Kyebavudde babeera mu maaso g'entebe ya Katonda; ne bamuweerezanga emisana n'ekiro mu yeekaalu ye: n'oyo atudde ku ntebe alitimba eweema ye ku bo.
- 16 Tebalirumwa njala nate, so tebalirumwa nnyonta nate, so omusana tegulibookya, newakubadde okwokya kwonna:
- 17 kubanga Omwana gw'endiga ali wakati w'entebe y'anaabalundanga, era alibaleeta eri enzizi ez'amazzi ag'obulamu: era Katonda alisangula buli zzigga mu maaso gaabwe.

Essuula 8

- 1 Bwe Yabembula akabonero ak'omusanvu, ne waba akasiriikiriro mu ggulu nga kitundu kya ssaawa.
- 2 Ne ndaba bamalayika musanvu abaayimirira mu maaso ga Katonda; ne baweebwa obugombe musanvu.
- 3 Ne malayika omulala n'ajja n'ayimirira ku kyoto, ng'alina ekyotezo ekya zaabu; n'aweebwa obubaane bungu, alyoke abuteeke mu kusaba kw'abatukuvu bonna ku kyoto ekya zaabu ekyali mu maaso g'entebe.
- 4 N'omukka gw'obubaane ne gulinnya wamu n'okusaba kw'abatukuvu nga guva mu mukono gwa malayika mu maaso ga Katonda.
- 5 Malayika n'atwala ekyotezo; n'akijjuza omuliro ogw'omu kyoto, n'akisuula ku nsi; ne waba okubwatuka n'amaloboozi n'okumyansa n'ekikankano.
- 6 Ne bamalayika omusanvu abalina obugombe omusanvu ne beeteekateeka okufuuwa.
- 7 Malayika ow'olubereberye n'afuuwa, ne waba omuzira n'omuliro ebitabuddwa n'omusaayi, ne bisuulibwa ku nsi: n'ekitundu eky'okusatu eky'ensi ne kiggya, n'ekitundu eky'okusatu eky'emitu ne kiggya, na buli muddo omubisi ne guggya.
- 8 Malayika ow'okubiri n'afuuwa; ng'olusozi olunene olwaka omuliro ne lusuulibwa mu nnyanja: n'ekitundu eky'okusatu eky'ennyanja ne kifuuka musaayi;
- 9 ne bifa ekitundu eky'okusatu eky'ebitonde eby'omu nnyanja, ebiramu, n'ekitundu eky'okusatu eky'ebyombo ne kizikirira.
- 10 Malayika ow'okusatu n'afuuwa, emmunyeenye ennene n'eva mu ggulu n'egwa ng'eyaka ng'omumuli, n'egwa ku kitundu eky'okusatu eky'emigga, ne ku nzizi z'amazzi.
- 11 N'erinnya ly'emmunyeenye liyitibwa Abusinso: n'ekitundu eky'okusatu eky'amazzi ne kifuuka abusinso: n'abantu bangi ne bafa olw'amazzi, kubanga gaakaayizibwa.
- 12 Malayika ow'okuna n'afuuwa, n'ekitundu eky'okusatu eky'enjuba ne kikubibwa,

n'ekitundu eky'okusatu eky'omwezi, n'ekitundu eky'okusatu eky'emmunyeenye; ekitundu eky'okusatu ekyabyo kiryoke kizikizibwe, n'omusana guleme okwaka ekitundu kyagwo eky'okusatu, n'ekiro bwe kityo.

- 13** Ne ndaba, ne mpulira empungu emu ng'ebuuka wakati w'eggulu, ng'eyogera n'eddo-boozi ddene nti Zibasanze, zibasanze, zibasanze abatuula ku nsi, olw'amaloboozi agasigaddeyo ag'akagombe ka bamalayika abasatu abagenda okufuuwa.

Essuula 9

- 1** Malayika ow'okutaano n'afuuwa, ne ndaba emmunyeenye ng'eva mu ggulu ng'egwa ku nsi: n'aweewwa ekisumuluzo ky'obunnya obutakoma.
- 2** N'asumulula obunnya obutakoma; n'omukka ne guva mu bunnya ne gulinnya ng'omukka gw'enkoomi ennene, n'enjuba n'ebbanga ne bizikizibwa olw'omukka ogw'omu bunnya.
- 3** Ne mu mukka ne muva enzige ku nsi, ne ziweebwa obuyinza, ng'enjaba ez'obusagwa ez'omu nsi bwe zirina obuyinza.
- 4** Ne zigambibwa obutayonoona muddo gwa nsi, newakubadde ekintu kyonna ekibisi newakubadde omuti gwonna, wabula abantu bokka abatalina kabonero ka Katonda ku byenyi byabwe.
- 5** Ne ziweebwa obutabatta, wabula okubalumira emyezi etaano: n'okuluma kwazo kwali ng'okuluma kw'enjaba ey'obusagwa bw'eruma omuntu.
- 6** Ne mu nnaku ezo abantu balinoonya okufa, so tebalikulaba n'akatono; era balyegomba okufa, era okufa nga kubadduka.
- 7** N'ebifaananyi by'enzige byafaanana ng'embalaasi ezitegekeddwa olutalo, ne ku mitwe gyazo ng'engule ezifaanana nga zaabu, n'amaaso gaazo ng'amaaso g'abantu.
- 8** Era zaalina enviiri ng'enviiri z'abakazi, n'amannyo gaazo gaali ng'ag'empologoma.
- 9** Era zaalina ebizibawo ng'ebizibawo eby'ekyuma, n'edoboozi ly'ebiwaawaatiro byazo ng'eddoboozi ly'amagaali, ery'embalaasi ennyingi nga zifubutuka okuyingira mu lutalo.
- 10** Era zirina emikira egifaanana ng'enjaba ez'obusagwa, n'emimwa; ne mu mikira gyazo mulimu obuyinza bwazo okulumira abantu emyezi etaano.
- 11** Zirina kabaka waazo malayika ow'obunnya obutakoma: erinnya mu Lwebbulaniya Abadoni, ne mu Luyonaani alina erinnya Apoliyaani.
- 12** Obubi obumu buyise: laba, obubi bubiri nate bujja oluvannyuma.
- 13** Malayika ow'omukaaga n'afuuwa, ne mpulira eddoboozi eryava mu nsonda ennya ez'ekyoto ekya zaabu ekiri mu maaso ga Katonda,
- 14** ng'agamba malayika ow'omukaaga eyalina akagombe nti Sumulula bamalayika abana abasibiddwa ku mugga omunene Fulaati.
- 15** Bamalayika abana ne basumululwa abaali bategekeddwa essaawa n'olunaku n'omwezi n'omwaka, okutta ekitundu eky'okusatu eky'abantu.
- 16** N'omuwendo gw'eggye ery'abeebagala embalaasi obukumi kakumi emirundi ebiri: ne mpulira omuwendo gwabwe.
- 17** Era bwe nnalaba bwe nti embalaasi mu kwolesebwa kuno, n'abo abaali bazituddeko, nga bambadde eby'omu kifuba ng'eby'omuliro n'ebya kazigizigi n'eby'ekibiriiti: n'emitwe egy'embalaasi ng'emitwe gy'empologoma; ne mu bumwa bwazo ne muva omuliro n'omukka n'ekibiriiti.
- 18** Mu bibonyoobonyo ebyo byonsatute, kwe kugamba nti omuliro n'omukka n'ekibiriiti ebyava mu bumwa bwazo, ne mufira ekitundu eky'okusatu eky'abantu.
- 19** Kubanga obuyinza bw'embalaasi buli mu kamwa kaazo, ne mu mikira gyazo: kubanga emikira gyazo gifaanana ng'emisota, nga girina emitwe; era gye zirumisa.

- 20** N'abantu abaasigalawo, abatattibwa mu bibonyoobonyo ebyo, tebeenya mu bikolwa by'emikono gyabwe, obutasinza balubaale, n'ebifaananyi ebya zaabu n'ebya ffeeza n'eby'ebikomo n'eby'amayinja n'eby'emitu, ebitayinza kulaba newakubadde okuwulira, newakubadde okutambula:
- 21** ne bateenya mu busi bwabwe, newakubadde mu bulogo bwabwe, newakubadde mu bwenzi bwabwe, newakubadde mu bubbi bwabwe.

Essuula 10

- 1** Ne ndaba malayika omulala ow'amaanyi ng'akka okuva mu ggulu, ng'ayambadde ekire; ne musoke ng'ali ku mutwe gwe n'amaaso ge ng'enjuba, n'ebigere bye ng'empagi ez'omuliro;
- 2** era yalina mu mukono gwe akatabo akabikkuse: n'ateeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja n'ekya kkono ku nsi;
- 3** n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene ng'empologoma bw'ewuluguma: bwe yayogerera waggulu ebibwatuka omusanvu ne byogera amaloboozi gaabyo.
- 4** Ebibwatuka omusanvu bwe byayogera amaloboozi gaabyo, nnali nga enda okuwandiika: ne mpulira eddoboozi eriva mu ggulu, nga lyogera nti Teeka akabonero ku ebyo ebibwatuka omusanvu bye byogedde, so tobiwandiika.
- 5** Malayika gwe nnalaba ng'ayimiridde ku nnyanja ne ku nsi n'ayimusa omukono gwe ogwa ddyo eri eggulu,
- 6** n'alayira oli aba omulamu emirembe n'emirembe, eyatonda eggulu n'ebirimu, n'ensi n'ebirimu, n'ennyanja n'ebirimu, nti tewalibeera kiseera nate:
- 7** naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu, bw'aliba ng'agenda okufu-uwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukirira, ng'enjiri bw'eri gye yabuulira abaddu be bannabbi.
- 8** N'eddoboozi lye nnawulira nga liva mu ggulu, ne ndiwulira nate nga lyogera nange ne ligamba nti Genda, otwale ekitabo ekibikkuse mu mukono gwa malayika ayimiridde ku nnyanja ne ku nsi.
- 9** Ne enda eri malayika, nga mmugamba okumpa akatabo. N'aamba nti Twala, okamire; era kanaakaaya olubuto lwo, naye mu kamwa ko kanaaba kawoomerevu ng'omubisi gw'enjuki.
- 10** Ne ntwala akatabo ne nkaggya mu mukono gwa malayika, ne nkamira; ne kaba mu kamwa kange kawoomerevu ng'omubisi gw'enjuki: bwe nnakalya, olubuto lwange ne lukaayizibwa.
- 11** Ne baamba nti Kikugwanidde okubuulira nate eri abantu n'amawanga n'ennimi ne bakabaka abangi.

Essuula 11

- 1** Ne mpeebwa olumuli olufaanana ng'omuggo, malayika ng'ayogera nti Golokoka, ogere yeekaalu ya Katonda, n'ekyoto, n'abasinzizaamu.
- 2** N'oluggya oluli ebweru wa yeekaalu luleke ebweru, so tolugera; kubanga lwaweebwa ab'amawanga: n'ekibuga ekitukuvu balikirinnyirira emyezi amakumi ana mu ebiri.
- 3** Nange ndibawa abajulirwa bange babiri, era baliragulira ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga, nga bambadde ebibukutu.
- 4** Abo gye mizeyituuni ebiri n'ettabaaza ebbiri eziyimirira mu maaso ga Mukama w'ensi.
- 5** Era omuntu yenna bw'ayagala okubakola obubi, omuliro guva mu kamwa kaabwe, ne gwokya abalabe baabwe: era omuntu yenna bw'ayagala okubakola obubi, bwe kityo

kigwana ye okuttibwa.

- 6 Abo balina obuyinza okusiba eggulu, enkuba eremenga okutonnya mu nnaku ez'okutegeeza kwabwe: era balina obuyinza ku mazzi okugafuula omusaayi, era n'okubonyaabonya ensi n'ebibonyoobonyo byonna, emirundi emingi nga bwe baagala.
- 7 Era bwe baliba nga bamaze okutegeeza kwabwe, ensolo eva mu bunnya obutakoma erirwana nabo, era eribawangula, era eribatta.
- 8 N'omulambo gwabwe guli mu luguudo lw'ekibuga ekinene, ekiyitibwa mu mwoyo Sodomu ne Misiri, era Mukama waabwe mwe yakomererwa.
- 9 Era ab'omu bantu n'ebika n'ennimi n'amawanga baalabira omulambo gwabwe ennaku ssatu n'ekitundu, ne bataganya mirambo gyabwe okuziikibwa mu ntaana.
- 10 N'abo abatuula ku nsi balisanyuka ku lwabwe, ne bajaguza; era baliweerezagana ebirabo; kubanga bannabbi abo ababiri baabonyaabonya abatuula ku nsi.
- 11 Oluvannyuma lw'ennaku ziri essatu n'ekitundu, omwoyo gw'obulamu oguva eri Katonda ne guyingira mu bo ne bayimirira ku bigere byabwe okutya kungi ne kugwa ku bo abaabalaba.
- 12 Ne bawulira eddoozi ddene eriva mu ggulu, nga libagamba nti Mulinnye okutuuka wano. Ne balinnya mu ggulu mu kire; n'abalabe baabwe ne babalaba.
- 13 Ne mu ssaawa eri ne wabaawo ekikankano ekinene, n'ekitundu eky'ekkumi eky'ekibuga ne kigwa; ne battibwa abantu kasanvu mu kikankano: n'abo abaasigalawo ne bakwatibwa entiisa, ne bawa ekitiibwa Katonda ow'omu ggulu.
- 14 Obubi obw'okubiri buyise: laba, obubi obw'okusatu bujja mangu.
- 15 Malayika ow'omusanvu n'afuuwa; ne wabaawo amaloozi amanene mu ggulu, nga boogera nti Obwakabaka bw'ensi bufuuse bwa Mukama waffe, era bwa Kristo we: era anaafuganga emirembe n'emirembe.
- 16 N'abakadde amakumi abiri mu bana, abatuula mu maaso ga Katonda ku ntebe zaabwe ez'obwakabaka, ne bavunama amaaso gaabwe, ne basinza Katonda,
- 17 nga boogera nti Tukwebaza, ggwe Mukama Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna, abaawo era eyabaawo; kubanga otutte amaanyi go amangi, n'ofuga.
- 18 Amawanga ne gasunguwala, n'obusungu bwo ne bujja, n'entuuko ez'okusaliramu omusango gw'abafu, n'ez'okuweeramu empeera yaabwe abaddu bo bannabbi, n'abatukuvu, n'abatya erinnya lyo, abato n'abakulu; n'ez'okwonooneramu aboonona ensi.
- 19 Ne yeekaalu ya Katonda ey'omu ggulu n'ebikkulwa; ne walabika mu yeekaalu ye essanduuko y'endagaano ye; ne wabaawo okumyansa n'amaloozi n'okubwatuka n'ekikankano n'omuzira mungi.

Essuula 12

- 1 N'akabonero akanene ne kalabika mu ggulu, omukazi ng'ayambadde enjuba, n'omwezi nga guli wansi w'ebigere bye, ne ku mutwe gwe nga kuliko engule ey'emmunyeenye kkumi na bbiri;
- 2 era ng'ali lubuto: n'akaaba ng'alumwa era ng'abalagalwa okuzaala.
- 3 Ne walabika akabonero akalala mu ggulu; era, laba, ogusota ogumyufu ogunene, ogulina emitwe omusanvu n'amayembe kkumi, ne ku mitwe gyagwo engule musanvu.
- 4 N'omukira gwagwo ne guwalula ekitundu eky'okusatu eky'emmunyeenye ez'omu ggulu, ne guzisuula ku nsi: ogusota ne guyimirira mu maaso g'omukazi, eyali agenda okuzaala, bw'alizaala, gulyoke guliire ddala omwana we.
- 5 N'azaala omwana ow'obulenzi, agenda okufuga amawanga gonna n'omuggo

ogw'ekyuma: n'omwana we n'akwakulibwa n'atwalibwa eri Katonda, n'eri entebe ye ey'obwakabaka.

- 6 N'omukazi n'adduka n'atuuka mu ddungu, gye yalina ekifo ekyateekebwateekebwa Katonda, balyoke bamuliisizenga eyo ennaku lukumi mu ebikumi bibiri mu nkaaga.
- 7 Ne waba olutalo mu ggulu: Mikaeri ne bamalayika be nga batabaala okulwana n'ogusota; ogusota ne gulwana ne bamalayika baagwo;
- 8 ne batayinza, so ne watalabika kifo kyabwe nate mu ggulu.
- 9 N'ogusota ogunene ne gusuulibwa, omusota ogw'edda, oguyitibwa Omulyolyomi era Setaani, omulimba w'ensi zonna; ne gusuulibwa ku nsi, ne bamalayika baagwo ne basuulibwa nagwo.
- 10 Ne mpulira eddoozi ddene mu ggulu, nga lyogera nti Kaakano obulokozi buzze n'amaanyi n'obwakabaka bwa Katonda waffe, n'obuyinza bwa Kristo we: kubanga aloopa baganda baffe yasuulibwa, abalopa mu maaso ga Katonda waffe emisana n'ekiro.
- 11 Nabo baamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'endiga, n'olw'ekigambo eky'okutegeeza kwabwe; ne batayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa.
- 12 Kale musanyuke, eggulu n'abatuulamu. Zisanze ensi n'ennyanja: kubanga Omulyolyomi asse gye muli ng'alina obusungu bungi, ng'amanyi ng'alina akaseera katonu.
- 13 Oigusota bwe gwalaba nga gusuuliddwa ku nsi, ne guyigganya omukazi eyazaala omwana ow'obulenzi.
- 14 Omukazi n'aweewba ebiwaawaatiro bibiri eby'empungu ennene, alyoke abooke okutuuka mu ddungu mu kifo kye, gy'aliisizibwa ekiseera n'ebiseera n'ekitundu ky'ekiseera, mu maaso g'omusota.
- 15 N'omusota ne guwandula okuva mu kamwa kaagwo ennyuma w'omukazi amazzi ng'omugga, gulyoke gumutwaze omugga.
- 16 Ensi n'eyamba omukazi, ensi n'eyasama akamwa kaayo, n'enywa omugga ogusota gwe gwawandula okuva mu kamwa kaagwo.
- 17 Oigusota ne gusunguwalira omukazi, ne gugenda okulwana n'ab'omu zzadde lye abasigalawo abakwata ebiragiro bya Katonda, era abalina okutegeeza kwa Yesu:

Essuula 13

- 1 ne guyimirira ku musenyu gw'ennyanja. Ne ndaba ensolo ng'eva mu nnyanja, erina amayembe kkumi n'emitwe musanvu, ne ku mayembe gaayo nga kuliko engule kkumi, ne ku mitwe gyayo amannya ag'obuvvoozi.
- 2 N'ensolo gye nnalaba yali efaanana ng'engo, n'ebigere byayo ng'ebya ddubu, n'akamwa kaayo ng'akamwa k'empologoma: n'ogusota gwe gwagiwa amaanyi gaayo, n'entebe yaayo ey'obwakabaka, n'obuyinza obungi.
- 3 Ne ndaba omutwe gumu ku mitwe gyayo nga gufunitiddwa okufa; n'ekiwundu eky'okufa ne kiwona: n'ensi zonna ne zigoberera ensolo eyo nga zeewuunya;
- 4 ne basinza ogusota, kubanga gwawa ensolo obuyinza bwayo, ne basinza ensolo, nga boogera nti Ani afaanana ng'ensolo? era ani ayinza okulwana nayo?
- 5 n'eweewba akamwa akoogera ebikulu n'obuvvoozi; n'eweewba obuyinza okumala emyezi amakumi ana mu ebiri.
- 6 N'eyasama akamwa kaayo okuvvoola Katonda, okuvvoola erinnya lye, n'eweema ye, n'abatuula mu ggulu.
- 7 N'eweewba okulwana n'abatukuvu, n'okubawangula: n'eweewba obuyinza ku buli kika n'abantu n'olulimi n'eggwanga.
- 8 Era bonna abatuula mu nsi baligisiza, buli atawandiikiddwa linnya lye mu kitabo ky'obulamu eky'Omwana gw'endiga eyattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi.

- 9 Omuntu yenna bw'aba n'okutu awulire.
- 10 Omuntu yenna bw'ayagala okunyaga, anyagibwa: omuntu yenna bw'atta n'ekitala, kimugwanira naye okuttibwa n'ekitala. Awo we wali okugumiikiriza n'okukkiriza kw'abatukuvu.
- 11 Ne ndaba ensolo endala ng'eva mu nsi; era yalina amayembe abiri agafaanana ng'ag'omwana gw'endiga, n'eyogera ng'ogusota.
- 12 N'ekoza obuyinza bwonna obw'ensolo ey'olubereberye mu maaso gaayo. N'esinzisa ensi n'abatuulamu ensolo ey'olubereberye, eyawona ekiwundu eky'okufa.
- 13 N'ekola obubonero bunene, era okussa omuliro okuva mu ggulu ku nsi mu maaso g'abantu.
- 14 N'erimba abatuula ku nsi olw'obubonero bwe yaweebwa okukola mu maaso g'ensolo; ng'egamba abatuula ku nsi, okukolera ensolo ekifaananyi, erina ekiwundu eky'ekitala n'eba nnamu.
- 15 N'eweebwa okuwa ekifaananyi eky'ensolo okussa omukka, ekifaananyi eky'ensolo kiryoke kyogere, era kisse bonna abatasinza kifaananyi kya nsolo.
- 16 N'ewaliriza bonna, abato n'abakulu, n'abagagga n'abaavu, n'ab'eddembe n'abaddu okuweebwa enkovu ku mukono gwabwe ogwa ddyo oba ku byenyi byabwe;
- 17 era omuntu yenna aleme okuyinza okugula newakubadde okutunda, wabula oyo amaze okuteekebwako akabonero, erinnya ly'ensolo oba omuwendo gw'erinnya lyayo.
- 18 Awo we wali amagezi. Alina okutegeera abalirire omuwendo gw'ensolo; kubanga gwe muwendo gw'omuntu: n'omuwendo gwayo Lukaaga mu nkaaga mu mukaaga.

Essuula 14

- 1 Ne ndaba, era, laba, Omwana gw'endiga ng'ayimiridde ku lusozi Sayuuni, era wamu naye akasiriivu mu obukumi buna mu enkumi nnya, nga balina erinnya lye n'erinnya lya Kitaawe nga liwandiikiddwa ku byenyi byabwe.
- 2 Ne mpulira eddoozi eriva mu ggulu, ng'eddoozi ly'amazzi amangi, era ng'eddoozi ly'okubwatuka okunene: n'eddoozi lye nnawulira ng'ery'abakubi b'ennanga nga bakuba ennanga zaabwe:
- 3 ne bayimba ng'oluyimba oluggya mu maaso g'entebe ey'obwakabaka, ne mu maaso g'ebiramu ebina n'abakadde; so tewali muntu eyayinza okuyiga oluyimba olwo wabula akasiriivu mu obukumi buna mu enkumi nnya, abaagulibwa mu nsi.
- 4 Abo be bateeyonoona eri abakazi; kubanga tebamanyanga mukazi. Abo be bagoberera Omwana gw'endiga buli gy'agenda. Abo baagulibwa mu bantu okuba ebibala eby'olubereberye eri Katonda n'eri Omwana gw'endiga.
- 5 Era mu kamwa kaabwe temwalabika bulimba: tebaliiko bulema.
- 6 Ne ndaba malayika omulala ng'abuuka mu bbanga ery'omu ggulu ng'alina enjiri ey'emirembe n'emirembe, okubuulira abatuula ku nsi na buli ggwanga n'ekika n'olulimi n'abantu,
- 7 ng'ayogera n'eddoozi ddene nti Mutye Katonda, mumuwe ekitiibwa; kubanga ekiseera eky'omusango gwe kituuse: mumusinze eyakola eggulu n'ensi n'ennyanja n'ensulo z'amazzi.
- 8 Ne malayika omulala ow'okubiri n'agoberera, ng'ayogera nti Kigudde kigudde Babulooni ekinene ekyanywesa amawanga gonna ku mwenge gw'obusungu bw'obwenzi bwakyo.
- 9 Ne malayika omulala ow'okusatu n'abagoberera, ng'ayogera n'eddoozi ddene nti Omuntu yenna bw'asinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, era bw'akkiriza enkovu ku kyenye kye, oba ku mukono gwe,
- 10 oyo naye alinywa ku mwenge ogw'obusungu bwa Katonda, ogufukibwa

ogutatabulwamu mazzi mu kikompe eky'obusungu bwe; era alibonyaabonyezebwa mu muliro n'ekibiriiti mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g'Omwana gw'endiga:

- 11** n'omukka ogw'okubonyaabonyezebwa kwabwe gunyooka emirembe n'emirembe; so tebalina kuwummula emisana n'ekiro abasinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, na buli akkiriza enkovu y'erinnya lyayo.
- 12** Awo we wali okugumiikiriza kw'abatukuvu, abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu.
- 13** Ne mpulira eddoboosi eriva mu ggulu nga lyogera nti Wandika nti Baweereddwa omukisa abafu abafira mu Mukama waffe okutanula leero; weewaawo, bw'ayogera Omwoyo, balyoke bawummule mu kutegana kwabwe; kubanga ebikolwa byabwe bigenda nabo.
- 14** Ne ndaba, era, laba, ekire ekyeru; ne ku kire ne ndaba atuddeko eyali afaanana ng'omwana w'omuntu, ng'alina ku mutwe gwe engule eya zaabu, ne mu mukono gwe ekiwabyo eky'obwogi.
- 15** Ne malayika omulala n'ava mu yeekaalu, ng'ayogerera waggulu n'eddoboosi ddene ng'agamba oyo atudde ku kire nti Teekako ekiwabyo kyo, okungule: kubanga ekiseera eky'okukunguliramu kituuse, kubanga ebikungulwa eby'ensi bikaze.
- 16** N'oyo atudde ku kire n'asuula ekiwabyo kye ku nsi, n'ensi n'ekungulibwa.
- 17** Ne malayika omulala n'ava mu yeekaalu ey'omu ggulu, naye ng'alina ekiwabyo eky'obwogi.
- 18** Ne malayika omulala n'ava ku kyoto, ye yalina obuyinza ku muliro; n'ayogerera waggulu n'eddoboosi ddene ng'agamba oyo alina ekiwabyo eky'obwogi, ng'ayogera nti Teekako ekiwabyo kyo eky'obwogi, onoge ebirimba by'omuzabbibu gw'ensi; kubanga ezabbibu zaagwo zengeredde ddala.
- 19** Ne malayika n'asuula ekiwabyo kye ku nsi, n'anoga omuzabbibu gw'ensi, n'akisuula mu ssogolero eddene ery'obusungu bwa Katonda.
- 20** N'essogolero ne lirinyirirwa ebweru w'ekibuga, n'omusaayi ne guva mu ssogolero, okutuuka ku nkoba z'embalaasi, n'okutuuka amabanga lukumi mu lukaaga.

Essuula 15

- 1** Ne ndaba akabonero akalala mu ggulu akanene ak'ekitalo, bamalayika musanvu nga balina ebibonyoobonyo musanvu eby'enkomerero, kubanga mu ebyo obusungu bwa Katonda mwe butuukiririra.
- 2** Ne ndaba ng'ennyanja y'endabirwamu etabuddwamu omuliro; abava eri ensolo n'ekifaananyi kyayo n'omuwendo gw'erinnya lyayo nga bawangudde, nga bayimiridde ku nnyanja y'endabirwamu, nga balina ennanga za Katonda.
- 3** Ne bayimba oluyimba lwa Musa omuddu wa Katonda, n'oluyimba lw'Omwana gw'endiga, nga boogera nti Bikulu era bya kitalo ebikolwa byo, Mukama Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna; ga butuukirivu era ga mazima amakubo go, ggwe Kabaka ow'emirembe n'emirembe.
- 4** Ani atalitya, Mukama, n'ataliwa kitiibwa erinnya lyo? kubanga ggwe wekka ggwe mutukuvu; kubanga amawanga gonna galijja era galisinziza mu maaso go; kubanga ebikolwa bye eby'obutuukirivu birabise.
- 5** Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, yeekaalu eya weema ey'obujulirwa mu ggulu n'ebikkulwa:
- 6** ne muva mu yeekaalu bamalayika omusanvu abalina ebibonyoobonyo omusanvu nga bambadde amayinja, amalongoofu agamasamasa, era nga basibiddwa mu bifuba enkoba eza zaabu.

- 7 Ekimu eky'oku biramu ebina ne kiwa bamalayika omusanvu ebibya musanvu ebya zaabu nga bijjudde obusungu bwa Katonda, aba omulamu emirembe n'emirembe.
- 8 Ne yeekaalu n'ejjula omukka oguva mu kitiibwa kya Katonda ne mu maanyi ge; so tewali muntu eyayinza okuyingira mu yeekaalu, okutuusa ebibonyoobonyo omusanvu bya bamalayika omusanvu lwe byatuukirira.

Essuula 16

- 1 Ne mpulira eddoozi eddene eriva mu yeekaalu, nga ligamba bamalayika omusanvu nti Mugende, mufuke ebibya omusanvu by'obusungu bwa Katonda ku nsi.
- 2 Ow'olubereberye n'agenda, n'afuka ekibya kye ku nsi; ne wabaawo ebbwa ebbi ezzibu ku bantu abalina enkovu y'ensolo, era abasinza ekifaananyi kyayo.
- 3 Ow'okubiri n'afuka ekibya kye mu nnyanja; ne wabaawo omusaayi ng'ogw'omufu, na buli mwoyo omulamu ne gufa, n'ebyo ebyali mu nyanja.
- 4 Ow'okusatu n'afuka ekibya kye ku migga ne mu nsulo z'amazzi, ne wabaawo omusaayi.
- 5 Ne mpulira malayika w'amazzi ng'ayogera nti Ggwe mutuukirivu, ggwe abaaawo era eyabaawo, ggwe Mutukuvu, kubanga wasala omusango bw'otyoo:
- 6 kubanga baafuka omusaayi gw'abatukuvu n'ogwa bannabbi, omusaayi ggwe gw'obawadde okunywa: basaanidde.
- 7 Ne mpulira ekyoto ga kyogera nti Weewaawo, Mukama Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna, gya mazima era gya nsonga emisango gyo.
- 8 Ow'okuna n'afuka ekibya kye ku njuba; n'eweebwa okwokya abantu n'omuliro.
- 9 Abantu ne bookebwa okwokya okunene: ne bavuma erinnya lya Katonda alina amaanyi ku bibonyoobonyo ebyo; ne bateenya okumuwa ekitiibwa.
- 10 Ow'okutaano n'afuka ekibya kye ku ntebe y'obwakabaka ey'ensolo obwakabaka bwayo ne buzikizibwa: ne beeruma ennimi zaabwe olw'obulumi,
- 11 ne bavuma Katonda ow'omu ggulu olw'obulumi bwabwe n'olw'amabwa gaabwe, so tebeenya mu bikolwa byabwe.
- 12 Ow'omukaaga n'afuka ekibya kye ku mugga omunene Fulaati; amazzi gaagwo ne gakalira, ekkubo lya bakabaka abava ebuvanjuba liryoke liteekebwetekebbe.
- 13 Ne ndaba nga giva mu kamwa k'ogusota, ne mu kamwa k'ensolo, ne mu kamwa ka nnabbi w'obulimba, emyoyo emibi esatu, nga giri ng'ebikere:
- 14 kubanga gye mizimu gya balubaale, egikola obubonero; egigenda eri bakabaka b'ensi zonna, okubakuaanya eri olutalo olw'oku lunaku olukulu olwa Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna.
- 15 (Laba, njija ng'omubbi. Aweereddwa omukisa atunula, n'akuuma ebyambalo bye, aleme okugenda obwereere, era baleme okulaba ensanyi ze.)
- 16 Ne gibakuaanyiza mu kifo ekiyitibwa mu Lwebbulaniya Amagedoni.
- 17 Ow'omusanvu n'afuka ekibya kye ku bbanga; eddoozi eddene ne liva mu yeekaalu, mu ntebe y'obwakabaka, nga lyogera nti Kikoleddwa:
- 18 ne wabaawo okumyansa n'amaloozi n'okubwatuka; ne wabaawo ekikankano ekinene, nga tekibangawo kasookedde abantu baba ku nsi, ekikankano ekinene, ekikulu bwe kityo.
- 19 N'ekibuga ekinene ne kyawukanamu ebitundu bisatu, n'ebibuga eby'amawanga ne bigwa: ne Babulooni ekinene ne kijjukirwa mu maaso ga Katonda, okukiwa okunywa ekikompe eky'obukambwe bw'obusungu bwe.
- 20 Na buli kizinga ne kidduka, so n'ensozi tezaalabika.
- 21 N'omuzira omunene, buli mpeke ng'obuzito obwa ttalanta, ne gukka okuva mu ggulu ku bantu: n'abantu ne bavvoola Katonda olw'ekibonyoobonyo eky'omuzira; kubanga

ekibomyoobonyo kyagwo kinene nnyo.

Essuula 17

- 1 Ne wajja omu ku bamalayika omusanvu abaalina ebibya omusanvu, n'ayogera nange, ng'agamba nti Jjangu wano, nange nnaakulaga omusango gw'omwenzi omukulu atuula ku mazzi amangi;
- 2 bakabaka b'ensi gwe baayenda naye, n'abo abatuula ku nsi ne batamiira omwenge gw'obwenzi bwe.
- 3 N'antwala mu ddungu mu Mwoyo: ne ndaba omukazi, ng'atudde ku nsolo emmyuufu, ng'ejjudde amannya ag'obuvvoozi, ng'erina emitwe musanvu n'amayembe kkumi.
- 4 Omukazi ng'ayambadde olugoye olw'effulungu n'olumyufu, era n'ayonjebwa ne zaabu n'amayinja ag'omuwendo omungi ne luulu, ng'alina mu mukono gwe ekikompe ekya zaabu ekijjudde emizizo, ye mpitambi ey'obwenzi bwe,
- 5 ne ku kyenya kye erinnya eriwandikiddwa nti EKYAMA, BABULOONI EKINENE, NNYINA W'ABENZI ERA OW'EMIZIZO GY'ENSI.
- 6 Ne ndaba omukazi oyo ng'atamidde omusaayi gw'abatukuvu, n'omusaayi gw'abajulirwa ba Yesu. Bwe nnamulaba, ne nneewuunya okwewuunya kunene.
- 7 Malayika n'aamba nti Kiki ekikwewuunyisa? Nze nnaakubuulira ekyama ky'omukazi, n'eky'ensolo emusitudde, erina emitwe omusanvu n'amayembe ekkumi.
- 8 Ensolo gye walabye yaliwo era nga tekyaliwo era egenda okuva mu bunnya obutakoma n'okugenda mu kubula. N'abo abatuula ku nsi balyewuunya, abataawandiikibwa linnya lyabwe mu kitabo ky'obulamu kasookedde ensi eteekebawo, bwe baliraba ensolo nga yaliwo era nga tekyaliwo ate eribaawo.
- 9 Awo we wali omwoyo ogulina amagezi. Emitwe omusanvu ze nsozi omusanvu, omukazi z'atuddeko;
- 10 era be bakabaka omusanvu; abataano baagwa, omu w'ali, omulala tannaba kujja; era bw'alijja, kimugwanira okumalawo ebiro bitono.
- 11 N'ensolo eyaliwo era teriiwo, oyo naye ye w'omunaana, naye ye w'oku musanvu, era agenda mu kubula.
- 12 N'amayembe ekkumi ge walabye be bakabaka ekkumi, abatannaba kuweebwa bwakabaka; naye baaweebwa obuyinza nga bakabaka, awamu n'ensolo, okumala essaawa emu.
- 13 Abo balina okuteesa kumu, ne bawa ensolo amaanyi gaabwe n'obuyinza.
- 14 Abo balirwana n'Omwana gw'endiga, n'Omwana gw'endiga alibawangula, kubanga ye Mukama w'abaami, era ye Kabaka wa bakabaka; era n'abo abali awamu naye, abayitibwa, abalonde, abeesigwa. N'aamba nti Amazzi ge walabye, omwenzi w'atudde, be bantu n'ebibiina n'amawanga n'ennimi.
- 15 N'aamba nti Amazzi ge walabye, omwenzi w'atudde, be bantu n'ebibiina n'amawanga n'ennimi.
- 16 N'amayembe ekkumi ge walabye, n'ensolo, bano balikyawa omwenzi, balimulekesaawo, balimufuula omwereere, balirya ennyama ye, era balimwokera ddala omuliro.
- 17 Kubanga Katonda yassa mu mitima gyabwe okukola kye yateesa, n'okuteesa awamu, n'okuwa ensolo obwakabaka bwabwe, okutuusa ebigambo bya Katonda lwe birituukirira.
- 18 N'omukazi gwe walabye kye kibuga ekinene, ekirina obwakabaka ku bakabaka b'ensi.

Essuula 18

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba malayika omulala ng'akka okuva mu ggulu, ng'alina

- obuyinza bungi; n'ensi n'emulisibwa ekitiibwa kye.
- 2 N'ayogerera waggulu n'eddooboozi ery'amaanyi, ng'ayogera nti Kigudde, kigudde Babulooni ekinene, ne kifuuka ekisulo kya balubaale, n'ekkomera erya buli dayimooni, n'ekkomera erya buli nnyonyi embi ekyayibwa.
 - 3 Kubanga olw'omwenge gw'obusungu bw'obwenzi bwe amawanga gonna gagudde; ne bakabaka b'ensi ne bayenda naye, n'abatunzi b'ensi ne bagaggawala olw'amaanyi g'obukaba bwe.
 - 4 Ne mpulira eddooboozi eddala eriva mu ggulu, nga lyogera nti Mukifulumemu, abantu bange, muleme okussa ekimu n'ebibi bye era muleme okuweebwa ku bibonyoobonyo bye:
 - 5 kubanga ebibi bye bituuse mu ggulu, era Katonda ajjukidde ebyonoono bye.
 - 6 Mumusasule oyo nga naye bwe yasasula, era mumwongereko emirundi ebiri ng'ebikolwa bye bwe byali: mu kikompe kye yatabula mumutabulire emirundi ebiri.
 - 7 Nga bwe yeegulumiza n'akabawala, mumuwe bwe mutyo okubonaabona n'okunakuwala; kubanga ayogera mu mutima gwe nti Ntudde nga kabaka, so ssiri nnamwandu, so ssiriraba nnaku n'akatono.
 - 8 Kyebiriva bijja mu lunaku olumu ebibonyoobonyo bye, okufa, n'ennaku, n'enjala; era alyokerwa ddala omuliro; kubanga Mukama Katonda wa maanyi eyamusalira omusango.
 - 9 Era bakabaka b'ensi, abayenda ne bakabawala naye, balikaaba balikuba ebiwoobe ku lulwe, bwe baliraba omukka ogw'okwokebwa kwe,
 - 10 nga bayimiridde wala olw'entiisa ey'okubonaabona kwe, nga boogera nti Zikisanze, zikisanze, ekibuga ekinene Babulooni, ekibuga eky'amaanyi, kubanga mu ssaawa emu omusango gwo gutuuse.
 - 11 N'abatunzi ab'omu nsi bakaaba banakuwala ku lulwe kubanga tewali muntu akyagula obuguzi bwabwe;
 - 12 obuguzi obwa zaabu, ne ffeeza, n'amayinja ag'omuwendo, ne luulu, ne bafuta ennungi, n'olugoye olw'effulungu, ne aliiri, n'olugoye olumyufu; na buli muti ogw'omugavu, na buli kintu eky'essanga, na buli kintu eky'omuti ogw'omuwendo omungi ennyo, n'eky'ekikomo, n'eky'ekyuma, n'eky'ejjinja eddungi;
 - 13 n'eky'akaloosa, n'ebinzaali, n'obubaane, n'omuzigo gw'omugavu, n'envumbo, n'omwenge, n'amafuta, n'obutta obulungi, n'eaano, n'ente n'endiga; n'obuguzi bw'embalaasi n'amagaali n'abaddu; n'emyoyo gy'abantu.
 - 14 N'ebibala omwoyo gwo bye gwegomba bikuvuddeko, n'ebintu byonna ebiwooma n'ebirungi bikuvuddeko, so tebakyabiraba nate.
 - 15 Abatunzi b'ebyo, be yagaggawaza, baliyimirira wala olw'entiisa y'okubonaabona kwe, nga bakaaba nga banakuwala;
 - 16 nga boogera nti Zikisanze; zikisanze, ekibuga ekinene, ekyayambazibwa bafuta ennungi n'olugoye olw'effulungu n'olumyufu, era ne kiyonjebwa ne zaabu n'amayinja ag'omuwendo ne luulu!
 - 17 kubanga mu ssaawa emu obugagga obungi nga buno buzikiridde. Na buli mugoba na buli atambula wonna wonna mu lyato n'abalunyanja ne bonna abakola emirimu egy'omu nnyanja, ne bayimirira wala,
 - 18 ne boogerera waggulu bwe baalaba omukka ogw'okwokebwa kwe, nga boogera nti Kiruwa ekifaanana ng'ekibuga ekinene?
 - 19 Ne bafuka enfuufu ku mitwe gyabwe, ne boogerera waggulu nga bakaaba nga banakuwala, nga boogera nti Zikisanze, zikisanze, ekibuga ekinene, bonna kye bagaggawaliramu abaalina ebyombo mu nnyanja olw'omuwendo gwe omungi, kubanga mu ssaawa emu gwazikirira.
 - 20 Mumusanyukire, eggulu nammwe abatukuvu nammwe abatume nammwe bannabbi;

kubanga Katonda amusalidde omusango gwammwe.

- 21 Malayika ow'amaanyi n'asitula ejjinja ddene ng'olubengo olunene, n'alisuula mu nyanja, ng'ayogera nti Babulooni, ekibuga ekinene, bwe kirisuulibwa bwe kityo n'okutandaggirwa okunene, so tekirirabika nate.
- 22 Newakubadde eddoozi ly'abakubi b'ennanga n'abalina ebivuga n'abafuuwa emirere n'abafuuwa amakondeere teririwulirwa nate mu ggwe; newakubadde omugezi w'emirimu gyonna gyonna talirabika nate mu ggwe; newakubadde eddoozi ly'olubengo teririwulirwa nate mu ggwe;
- 23 newakubadde okutangaala kw'ettabaaza tekulitangaala nate mu ggwe; newakubadde eddoozi ly'awasa omugole n'ery'omugole teririwulirwa nate mu ggwe; kubanga abatunzi be baali balangira ba nsi; kubanga mu bulogo bwo amawanga gona gaalimbibwa.
- 24 Era n'omusaayi gwa bannabbi n'abatukuvu n'ogwa bonna abattibwa ku nsi gwalabika mu ye.

Essuula 19

- 1 Oluvannyuma lw'ebyo ne mpulira ng'eddoozi eddene ery'ekibiina ekinene mu ggulu, nga boogera nti Aleruuya; Obulokovu, n'ekitiibwa, n'obuyinza bye bya Katonda waffe:
- 2 kubanga emisango gye gya mazima era gya nsonga; kubanga asalidde omusango omwenzi omukulu, eyayoonona ensi n'obwenzi bwe, era awooledde eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu be mu mukono gw'oyo.
- 3 Omulundi ogw'okubiri ne boogera nti Aleruuya. N'omukka gwe gunyooka emirembe n'emirembe.
- 4 N'abakadde amakumi abiri mu bana n'ebiramu ebina ne bavuunama ne basinza Katonda atuula ku ntebe, nga boogera nti Amiina; Aleruuya.
- 5 N'eddoozi ne liva mu ntebe, nga lyogera nti Mutendereze Katonda waffe, mmwe mwenna abaddu be, abamutya, abato n'abakulu.
- 6 Ne mpulira ng'eddoozi ly'ekibiina ekinene, era ng'eddoozi ly'amazzi amangi, era ng'eddoozi ly'okubwatuka okw'amaanyi, nga byogera nti Aleruuya: kubanga Mukama Katonda waffe Omuyinza w'ebintu byonna afuga.
- 7 Tusanyuke, tujaguze, tumuwe ekitiibwa ye: kubanga obugole bw'Omwana gw'endiga butuuse, ne mukazi we yeeteeseteese.
- 8 N'aweabwa okwambala bafuta entukuvu ennungi: kubanga bafuta eno bye bikolwa eby'obutuukirivu eby'abatukuvu.
- 9 N'aamba nti Wandika nti Baweereddwa omukisa abayitibwa ku mbaga ey'obugole bw'Omwana gw'endiga. N'aamba nti Ebyo bye bigambo eby'amazima ebya Katonda.
- 10 Ne nvuunama mu maaso g'ebigere bye okumusinja. N'aamba nti Laba tokola bw'otyo: Ndi muddu munno era ow'omu baganda bo abalina okutegeeza kwa Yesu: sinza Katonda: kubanga okutegeeza kwa Yesu gwe mwoyo gw'obunnabbi.
- 11 Ne ndaba eggulu nga libikkuse; era, laba, embalaasi enjeru n'eyali agituddeko, ayitibwa mwesigwa era ow'amazima; ne mu butuukirivu asala emisango era alwana.
- 12 Era amaaso ge gwe muliro ogwaka, ne ku mutwe gwe engule nnyingi; era ng'alina erinnya eriwandikidwa, omuntu yenna ly'atamanyi wabula ye yekka.
- 13 Era ng'ayambadde ekyambalo ekyamansirwako omusaayi: n'erinnya lye ne liyitibwa Kigambo kya Katonda.
- 14 N'eggye ery'omu ggulu ne limugoberera ku mbalaasi enjeru, nga bambadde bafuta enjeru ennungi.

- 15 Ne mu kamwa ke muvaamu ekitala eky'obwogi ateme amawanga nakyo: era alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma: era alinnya essogolero ly'omwenge gw'obusungu bw'obukambwe bwa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.
- 16 Era alina ku kyambalo kye ne ku kisambi kye erinnya eriwandikiddwa nti KABAKA WA BAKABAKA, ERA MUKAMA W'ABAAMI.
- 17 Ne ndaba malayika ng'ayimiride mu njuba; n'ayogerera waggulu n'eddooboozi ddene, ng'agamba ennyonyi zonna ezibuuka mu bbanga nti Mujje mukuaane ku mbaga enkulu eya Katonda;
- 18 mulyoke mulye ennyama ya bakabaka, n'ennyama ey'abagabe, n'ennyama ey'ab'amaanyi, n'ennyama ey'embalaasi n'ey'abo abazituulako, n'ennyama eya bonna ab'eddembe era n'abaddu, abato n'abakulu.
- 19 Ne ndaba ensolo, ne bakabaka b'ensi, n'eggye lyabwe nga bakuaanye okulwana n'oyo eyali atudde ku mbalaasi n'eggye lye.
- 20 Ensolo n'ekwatibwa era wamu nayo nnabbi ow'obulimba eyakola obubonero mu maaso gaayo bwe yalimbisa abo abakkiriza enkovu y'ensolo, n'abo abasinza eki-faananyi kyayo: bombi ne basuulibwa nga balamu mu nnyanja ey'omuliro eyaka n'ekibiriiti:
- 21 n'abaasigalawo ne battibwa n'ekitala ky'oyo eyali atudde ku mbalaasi, ekiva mu kamwa ke: n'ennyonyi zonna ne zikkuta ku nnyama yaabwe.

Essuula 20

- 1 Ne ndaba malayika ng'akka okuva mu ggulu, ng'alina ekisumuluzo ky'obunnya obutakoma n'olujegere olunene mu mukono gwe.
- 2 N'akwata ogusota, omusota ogw'edda, ye Mulyolyomi era Setaani, n'agusibira emyaka lukumi,
- 3 n'agusuula mu bunnya obutakoma n'aggalawo n'ateekako akabonero, gulemenga okulimba amawanga nate, okutuusa emyaka lukumi lwe giriggwaako; oluvannyuma lwagyo kigugwanira okusumululwa ebiro bitono.
- 4 Ne ndaba entebe ez'obwakabaka, nga kuliko abatuddeko, ne baweebwa okusala omu-sango; n'emyoyo gyabwe abaatemwako emitwe olw'okutegeeza kwa Yesu n'olw'ekigambo kya Katonda, n'abo abatasinza nsolo newakubadde ekifaananyi kyayo, so tebakkiriza nkovu ku kyenya kyabwe ne ku mukono gwabwe ne baba balamu, ne bafugiranga wamu ne Kristo emyaka lukumi.
- 5 Abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka olukumi lwe gyaggwa. Kuno kwe kuzuukira okw'olubereberye.
- 6 Aweereddwa omukisa, era ye mutukuvu alina omugabo mu kuzuukira okw'olubereberye: okufa okw'okubiri tekulina buyinza ku bo, naye banaabeeranga bakabona ba Katonda era ba Kristo, era banaafugiranga wamu naye emyaka lukumi.
- 7 Awo, emyaka egyo olukumi bwe giriggwa, Setaani n'alyoka asumululwa mu kkomera lye,
- 8 era aligenda okulimba amawanga ag'omu nsonda ennya ez'ensi, Googi ne Magoogi, okubakuaanya ku lutalo: omuwendo gwabwe ng'omusenya gw'ennyanja.
- 9 Ne balinnya ku bugazi bw'ensi, ne bazingiza olusiisira olw'abatukuvu n'ekibuga ekyagalwa: omuliro ne gukka okuva mu ggulu, ne gubookya.
- 10 N'omulyolyomi eyabalimbanga n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro n'ekibiriiti, era omuli ensolo ne nnabbi ow'obulimba; era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.
- 11 Ne ndaba entebe ey'obwakabaka ennene enjeru, n'oyo eyali agituddeko, eggulu n'ensi ne bidduka mu maaso ge; n'ekifo kyabyo tekyalabika.

- 12 Ne ndaba abafu, abakulu n'abato, nga bayimiridde mu maaso g'entebe; ebitabo ne bibikkulwa: n'ekitabo ekirala ne kibikkulwa, kye ky'obulamu: abafu ne basalirwa omusango mu ebyo ebyawandiikibwa mu bitabo, ng'ebikolwa byabwe bwe byali.
- 13 N'ennyanja n'ereeta abafu abalimu, n'okufa n'Amagombe ne bireeta abafu abalimu: ne basalirwa omusango buli muntu ng'ebikolwa byabwe bwe byali.
- 14 N'okufa n'Amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. Eyo kwe kufa okw'okubiri, ennyanja ey'omuliro.
- 15 Era omuntu yenna ataalabika ng'awandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro.

Essuula 21

- 1 Ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya: kubanga eggulu ery'olubereberye n'ensi ey'olubereberye nga bigenze: n'ennyanja nga tekyaliwo.
- 2 Ne ndaba ekibuga ekitukuvu, Yerusaalemi ekiggya, nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda, nga kitegekeddwa ng'omugole ayonjereddwa bba.
- 3 Ne mpulira eddoozi eddene eriva mu ntebe nga lyogera nti Laba, eweema ya Katonda awamu n'abantu, era anaatuulanga wamu nabo, nabo banaabeeranga bantu be, naye Katonda yennyini anaabeeranga wamu nabo, Katonda waabwe:
- 4 naye alisangula buli, zzigga mu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate; so tewaabengawo nate nnaku newakubadde okukaaba newakubadde okulumwa: eby'olubereberye biwedde.
- 5 N'oyo atuula ku ntebe n'ayogera nti Laba, byonna mbizzizza buggya. N'ayogera nti Wandika: kubanga ebigambo ebyo bya bwesige era bya mazima.
- 6 N'aamba nti Bituukiridde. Nze ndi Alufa ne Omega, okusooka n'enkomerero. Ndimuwa buwa alina ennyonta okunywa mu luzzi olw'amazzi ag'obulamu buwa.
- 7 Awangula alisikira ebyo: nange nnaabeeranga Katonda we, naye anaabanga mwana wange.
- 8 Naye abati, n'abatakiriza, n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo, n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe gulibeera mu nnyanja eyaka n'omuliro n'ekibiriiti; kwe kufa okw'okubiri.
- 9 Ne wajja omu ow'oku bamalayika omusanvu abalina ebibya omusanvu, abajjula ebibonyoobonyo omusanvu eby'enkomerero; n'ayogera nange, ng'agamba nti Jjangu, nnaakulaga omugole, mukazi w'Omwana gw'endiga.
- 10 N'antwala mu Mwoyo ku lusozi olunene oluwanvu, n'andaga ekibuga ekitukuvu Yerusaalemi nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda,
- 11 nga kirina ekitiibwa kya Katonda: okumasamasa kwakyo ng'ejjinja ery'omuwendo omungi ennyo, ng'ejjinja yasepi, eritangalija:
- 12 nga kirina bbugwe omunene omuwanvu: nga kirina emiryango kkumi n'ebiri, ne ku miryango bamalayika kkumi na babiri; n'amannya agawandiikiddwako, ge g'ebika ekkumi n'ebibiri eby'abaana ba Isiraeri:
- 13 ebuwanjuba emiryango esatu; era obukiika obwa kkono emiryango esatu; era obukiika obwa ddyo emiryango esatu; era ebugwanjuba emiryango esatu.
- 14 Ne bbugwe w'ekibuga yalina emisingi kkumi n'ebiri, ne kubaako amannya kkumi n'abiri ag'abatume ekkumi n'ababiri ab'Omwana gw'endiga.
- 15 Naye eyayogera nange yalina ekigera olumuli olwa zaabu okugera ekibuga, n'emiryango gyakyo, ne bbugwe waakyo.
- 16 N'ekibuga kyenkanyankanyizibwa enjuyi zonna, n'obuwanvu bwakyo buli ng'obugazi, n'agera ekibuga n'olumuli, amabanga kakumi mu enkumi bbiri: obuwanvu n'obugazi n'obugulumivu bwakyo bwenkanankana.

- 17 N'agera bbugwe waakyo, emikono kikumi mu ana mu ena, ekigera ky'omuntu, kye kya malayika.
- 18 N'okuzimbibwa kwa bbugwe waakyo kwa yasepi: n'ekibuga kya zaabu ennungi, ng'endabirwamu ennungi.
- 19 Emisingi gya bbugwe w'ekibuga gyayonjebwa na buli jjinja ery'omuwendo omungi. Omusingi ogw'olubereberye yasepi; ogw'okubiri safiro; ogw'okusatu kalukedoni; ogw'okuna lya nnawandagala;
- 20 ogw'okutaano sadonukisi; ogw'omukaaga sadiyo; ogw'omusanvu kerusoliso; ogw'omunaana berulo; ogw'omwenda topazi; ogw'ekkumi kerusoperaso; ogw'ekkumi n'ogumu kuwakinso; ogw'ekkumi n'ebiri amesusito.
- 21 N'emiryango ekkumi n'ebiri luulu kkumi na bbiri, buli gumu ku miryango gwali gwa luulu emu: n'oluguudo olw'ekibuga zaabu ennungi, ng'endabirwamu etangalijja.
- 22 So ssaalabamu yeekaalu mu kyo: kubanga Mukama Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, n'Omwana gw'endiga, ye yeekaalu yaakyo.
- 23 So ekibuga tekyetaaga njuba newakubadde omwezi, okukyakira: kubanga ekitiibwa kya Katonda kyakimulisa, n'ettabaaza yaakyo ye Mwana gw'endiga.
- 24 N'amawanga ganaatambuliranga mu musana gwakyo: ne bakabaka b'ensi baleeta ekitiibwa kyabwe mu kyo.
- 25 N'emiryango gyakyo tegiggalwenga n'akatono emisana (kubanga eyo ekiro tekiibengayo);
- 26 era balireeta ekitiibwa n'ettendo ery'amawanga mu kyo:
- 27 so temuliyingira mu kyo n'akatono ekintu kyonna ekitali kirongoofu newakubadde akola eky'omuzizo n'obulimba: wabula abo bokka abawandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu eky'Omwana gw'endiga.

Essuula 22

- 1 Yandaga omugga ogw'amazzi ag'obulamu, ogumasamasa ng'endabirwamu, nga guva mu ntebe ya Katonda n'ey'Omwana gw'endiga,
- 2 wakati w'oluguudo lwakyo. Era eruuyi n'eruyi ew'omugga omuti ogw'obulamu, ogubala ebibala ekkumi n'ebibiri, oguleeta ekibala kyagwo buli mwezi: n'amalagala g'omuti ga kuwonya amawanga.
- 3 So teribaayo nate kikolimo: n'entebe ya Katonda n'ey'Omwana gw'endiga eneebeeranga omwo: n'abaddu be banaamuweerezanga,
- 4 era banaamulabanga amaaso ge; era erinnya lye linaabanga mu byenyi byabwe.
- 5 So teebenga kiro nate; so tebeetaaga kumulisa kwa ttabaaza n'omusana gw'enjuba; kubanga Mukama Katonda anaabawanga omusana: era banaafuganga emirembe n'emirembe.
- 6 N'aamba nti Ebigambo bino bya bwesige era bya mazima: era Mukama Katonda ow'emyoyo gya bannabbi yatuma malayika we okulaga abaddu be ebigwanira okubaawo amangu.
- 7 Era, laba, njija mangu. Aweereddwa omukisa akwata ebigambo eby'obunnabbi obw'ekitabo kino.
- 8 Nange Yokaana nze nnawulira ne ndaba bino. Bwe nnawulira ne ndaba, ne nvuunama okusinza mu maaso g'ebigere bya malayika andaga bino.
- 9 N'aamba nti Laba tokola bw'otyo: ndi muddu munno era ow'omu baganda bo bannabbi, n'abo abakwata ebigambo eby'ekitabo kino: sinza Katonda.
- 10 N'aamba nti Toteeka kabonero ku bigambo eby'obunnabbi obw'ekitabo kino; kubanga obudde buli kumpi.
- 11 Ayonoona abeere ng'akyayonoona: era omugwagwa abeere ng'akyali mugwagwa: era

n'omutuukirivu, abeere ng'akyakola obutuukirivu: era n'omutukuvu, abeere ng'akyali mutukuvu.

- 12** Laba, njija mangu; n'empeera yange eri nange, okusasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli.
- 13** Nze Alufa ne Omega, ow'olubereberye era omukoobezi, okusooka n'enkomerero.
- 14** Baweereddwa omukisa abayoza ebyambalo byabwe, balyoke babeere n'obuyinza ku muti ogw'obulamu, era balyoke bayingire mu kibuga nga bayita mu miryango.
- 15** Ebweru ye eri embwa, n'abalogo, n'abenzi, n'abassi, n'abasinza ebifaananyi, na buli ayagala n'akola obulimba.
- 16** Nze Yesu ntumye malayika wange okubategeeza mmwe ebyo olw'ekkanisa. Nze ndi kikolo era omuzukkulu wa Dawudi, emmunyeenye eyaka ey'enkya.
- 17** Era Omwoyo n'omugole boogera nti Jjangu. Naye awulira ayogere nti Jjangu. Naye alina ennyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa.
- 18** Ntegeeza buli muntu awulira ebigambo eby'obunnabi obw'ekitabo kino nti Omuntu yenna bw'ayongerangako ku byo, Katonda alyongerako ku ye ebibonyoobonyo ebi-wandiikiddwa mu kitabo kino:
- 19** era omuntu yenna bw'aggyangamu mu bigambo eby'ekitabo eky'obunnabbi bunu, Katonda aliggyako omugabo gwe ku muti ogw'obulamu, ne mu kibuga ekitukuvu, ebiwandiikiddwa mu kitabo kino.
- 20** Ategeeza bino ayogera nti Weewaawo: njija mangu. Amiina: jjangu, Mukama waffe Yesu.
- 21** Ekisa kya Mukama waffe Yesu kibeerenga n'abatukuvu Amiina.